# Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano Enkadde

# n’Endagaano Empya ekwatiddwa ku katambi™

Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano Enkadde

’Endagaano Empya ekwatiddwa ku katambi™ (Bible) of Ugand

# Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku katambi™
## Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku katambi™ (Bible) of Uganda

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0 or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.
Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."
Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:
Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™
Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.
You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at https://open.bible/contact-us.
This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.
You have permission to share and redistribute this Bible translation in any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

- You include the above copyright and source information.
- If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.
- If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.
Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

---

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 25 Aug 2024 from source files dated 16 Nov 2021
b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553

Contents

Olubereberye . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1
Okuva . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 80
Ebyabaleevi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .150
Okubala . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .204
Ekyamateeka Olwokubiri . . . . . . . . . . . . . . . . . . .282
Yoswa . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .344
Ekyabalamuzi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .382
Luusi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .420
1 Samwiri . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .426
2 Samwiri . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .475
1 Bassekabaka . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .517
2 Bassekabaka . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .566
1 Ebyomumirembe . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .614
2 Ebyomumirembe . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .666
Ezera . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .718
Nekkemiya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .736
Eseza . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .760
Yobu . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .772
Zabbuli . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .822
Engero . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . .960
Omubuulizi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1012
Oluyimba . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1026
Isaaya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1036
Yeremiya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1141
Okukungubaga . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1240
Ezeekyeri . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1253
Danyeri . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1332
Koseya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1355
Yoweeri . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1372
Amosi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1379
Obadiya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1392
Yona . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1394
Mikka . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1398
Nakkumu . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1408
Kaabakuuku . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1413
Zeffaniya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1418
Kaggayi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1424
Zekkaliya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1427
Malaki . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1441
Matayo . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1445
Makko . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1500
Lukka . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1534
Yokaana . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1593

Ebikolwa by’Abatume . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1634
Abaruumi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1688
1 Abakkolinso . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1710
2 Abakkolinso . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1732
Abaggalatiya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1746
Abaefeso . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1754
Abafiripi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1762
Abakkolosaayi . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1768
1 Basessaloniika . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1773
2 Basessaloniika . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1778
1 Timoseewo . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1781
2 Timoseewo . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1788
Tito . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1793
Firemooni . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1796
Abaebbulaniya . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1798
Yakobo . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1815
1 Peetero . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1821
2 Peetero . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1828
1 Yokaana . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1832
2 Yokaana . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1838
3 Yokaana . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1839
Yuda . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1840
Okubikkulirwa . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . . 1842

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Olubereberye

*Entandikwa*

1 Ku lubereberye Katonda yatonda eggulu n’ensi.
2 Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde, ekizikiza nga kibisse
kungulu ku buziba, n’Omwoyo wa Katonda ng’atambulira ku mazzi.

3 Awo Katonda n’agamba nti, “Wabeerewo obutangaavu,” ne waba
obutangaavu.
4 Katonda n’alaba obutangaavu nga bulungi; n’ayawula obutangaavu
n’ekizikiza.
5 Katonda obutangaavu n’abuyita emisana, n’ekizikiza n’akiyita ekiro.
Ne wabaawo akawungeezi ate ne buba enkya. Olwo lwe lunaku
olw’olubereberye.

6 Era Katonda n’agamba nti, “Wabeewo ebbanga lyawule olufu
n’amazzi.”
7 Bw’atyo Katonda n’akola ebbanga okwawula wansi n’amazzi agali
waggulu. Ne kiba bwe kityo.
8 Katonda ebbanga n’aliyita eggulu. Ne buba akawungeezi, ate ne buba
enkya, olwo lwe lunaku olwokubiri.

9 Awo Katonda n’ayogera nti, “Amazzi agali wansi w’eggulu
gakuŋŋaanire mu kifo kimu, wabeewo olukalu.” Ne kiba bwe kityo.
10 Katonda olukalu n’aluyita ensi, amazzi agakuŋŋaanye go n’agayita
ennyanja. Katonda n’alaba nga ky’akoze kirungi.
11 Awo Katonda n’agamba nti, “Ensi ereete ebimera: emiti egizaala
ensigo mu ngeri yaagyo, emiti egy’ebibala ebibaamu ensigo mu ngeri
yaagyo, gibeere ku nsi.” Ne kiba bwe kityo.
12 Ensi n’ereeta ebimera: ebimera eby’ensigo ebya buli ngeri, n’emiti
egy’ebibala ebya buli ngeri n’ebijja ku nsi. Katonda n’alaba nga ky’akoze
kirungi.
13 Ne buba akawungeezi ate ne buba enkya. Olwo lwe lunaku
olwokusatu.

14 Awo Katonda n’agamba nti, “Wabeewo ebyaka mu bbanga ly’eggulu,
okwawula emisana n’ekiro; bibeerenga obubonero okwawulanga ebiro,
n’ennaku, n’emyaka.
15 Bibeere ebyaka ku ggulu, bireetere ensi obutangaavu.” Ne kiba bwe
kityo.
16 Katonda n’akola ebyaka ebinene bibiri, ekyaka ekisinga obunene
kifugenga emisana, n’ekitono kifugenga ekiro, n’akola n’emmunyeenye.
17 Awo Katonda n’abiteeka mu bbanga ly’eggulu byakenga ku nsi,
18 enjuba efugenga emisana, omwezi gufugenga ekiro, era byawulenga
obutangaavu n’ekizikiza. Katonda n’alaba ng’ekyo kirungi.
19 Ne buba akawungeezi, ate ne buba enkya. Olwo lwe lunaku olwokuna.

20 Katonda n'ayogera nti, "Amazzi galeete ebibinja by'ebiramu,
n'ebinyonyi bibuukenga waggulu mu bbanga."
21 Bw'atyo Katonda n'akola ebitonde eby'omu nnyanja ebinene ennyo,
na buli kiramu ekya buli ngeri eky'omu nnyanja, na buli kinyonyi
ekibuuka. Katonda n'alaba nga ky'akoze kirungi.
22 Bw'atyo Katonda n'abiwa omukisa n'agamba nti, "Muzaale mwale,
mujjuze amazzi g'ennyanja, n'ebinyonyi byale ku nsi."
23 Ne buba akawungeezi, ate ne buba enkya; olwo lwe lunaku olwoku-
taano.

24 Katonda n'ayogera nti, "Ensi ereete ebiramu ebya buli ngeri: ente,
n'ebyewalula, n'ensolo ez'omu nsiko eza buli ngeri." Bwe kityo bwe kyali.
25 Katonda n'atonda ensolo ez'oku nsi eza buli ngeri, n'ente eza buli
ngeri, na buli ekyewalula ku ttaka ekya buli ngeri. Katonda n'alaba nga
ky'akoze kirungi.
26 Awo Katonda n'agamba nti, "Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe
mu ngeri yaffe. Bafugenga ebyennyanja eby'omu nnyanja, n'ebinyonyi
eby'omu bbanga, n'ensolo zonna, n'ensi yonna, era bafugenga na buli
ekyewalulira ku nsi kyonna."

27 Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye,
mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera;
n'abatonda omusajja n'omukazi.

28 Katonda n'abawa omukisa, n'abagamba nti, "Mwale mujjuze ensi,
mugifugenga. Mufugenga ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n'ebinyonyi
eby'omu bbanga na buli kiramu ekitambula ku nsi."
29 Awo Katonda n'agamba nti, "Laba mbawadde buli kimera eky'ensigo
ekiri ku nsi na buli muti ogw'ensigo mu kibala kyagwo. Munaabiryanga.
30 Mbawadde na buli nsolo ey'oku nsi, na buli kinyonyi eky'omu bbanga
na buli ekyewalula, na buli ekissa omukka mbiwa buli kimera, okuba
emmere yaabyo." Bwe kityo bwe kyali.
31 Awo Katonda n'alaba byonna by'akoze nga birungi nnyo. Ne buba
akawungeezi, ate ne buba enkya, olwo lwe lunaku olwomukaaga.

# 2

1 Bwe bityo eggulu n'ensi awamu ne byonna ebigirimu ne biggwa
okukolwa.

2 Ku lunaku olw'omusanvu Katonda yali amaze ebyo byonna bye yali
akola; n'awummulira ku lunaku olwo ng'ava ku mirimu gye gyonna gye
yakola.
3 Bw'atyo Katonda olunaku olw'omusanvu n'aluwa omukisa
n'alutukuza; kubanga ku olwo Katonda kwe yawummulira emirimu
gye yakola mu kutonda.

## *Adamu ne Kaawa*

4 Ebyo bye bifa ku ggulu n'ensi nga bwe byatondebwa, MUKAMA Katonda
we yamalira okutonda eggulu n'ensi.

5 Tewaaliwo muddo gwonna ku nsi wadde ekimera kyonna, kubanga
MUKAMA Katonda yali tannatonnyesa nkuba ku nsi era nga tewali muntu
ow'okulima ettaka.
6 Naye ensulo n'eva mu ttaka n'efukirira ensi yonna.

7 MUKAMA Katonda n'akola omuntu okuva mu nfuufu ey'oku nsi n'amufuuwa mu nnyindo omukka ogw'obulamu. Omuntu n'aba omulamu.

8 MUKAMA Katonda yali asimbye ennimiro Adeni ku luuyi olw'ebuvanjuba, omuntu gwe yabumba n'amuteeka omwo.

9 MUKAMA Katonda n'ameza mu ttaka buli muti ogusanyusa amaaso era omulungi okulya. N'ateeka omuti ogw'obulamu, n'omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi wakati mu nnimiro.

10 Omugga ne gusibuka mu nnimiro Adeni ne gukulukuta okulufukirira, ne gwanjaalira omwo ne guvaamu emigga ena.

11 Erinnya ly'ogusooka Pisoni, gwe gwo ogukulukuta okwetooloola ensi ya Kavira, awali zaabu;

12 ne zaabu y'ensi eyo nnungi; mulimu bideriamu n'amayinja onuku.

13 Omugga ogwokubiri ye Gikoni, gwe gukulukuta okwetooloola ensi ya Kuusi.*

14 N'erinnya ly'ogwokusatu ye Tigiriisi ogukulukutira ku buvanjuba bwa Bwasuli. Ogwokuna ye Fulaati.

15 MUKAMA Katonda n'ateeka omuntu mu nnimiro Adeni agirimenga era agikuumenga.

16 MUKAMA Katonda n'alagira omuntu nti, "Emiti gyonna egy'omu nnimiro olyangako,

17 naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw'oligulyako tolirema kufa."

18 MUKAMA Katonda n'ayogera nti, "Si kirungi omuntu okuba yekka, nnaamukolera omubeezi amusaanira."

19 Naye olwo MUKAMA Katonda yali amaze okukola ensolo zonna ez'omu nsiko n'ebinyonyi eby'omu bbanga. N'abireeta eri omuntu abituume amannya. Buli kiramu omuntu nga bwe yakiyita, lye lyabeera erinnya lyakyo.

20 Bw'atyo omuntu n'atuuma buli nsolo ey'awaka, n'ebinyonyi eby'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko amannya.

Adamu yali tannaba kufunirwa mubeezi.

21 MUKAMA Katonda n'aleetera omusajja otulo tungi nnyo ne yeebaka; bwe yali nga yeebase n'amuggyamu olubirizi lumu, n'azzaawo ennyama.

22 MUKAMA Katonda n'atonda omukazi okuva mu lubiriizi lwe yaggya mu musajja n'amumuleetera.

23 Omusajja n'agamba nti,
"Lino lye ggumba ery'omu magumba gange,
ye nnyama ey'omu nnyama yange,
anaayitibwanga mukazi;
kubanga aggyibbwa mu musajja."

24 Noolwekyo omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we, ne bafuuka omubiri gumu.

25 Omusajja n'omukazi baali tebambadde, naye nga tewali akwatirwa munne nsonyi.

# 3

*Okujeema kw'Omuntu*

* **2:13** Kuusi, mu Ndagaano Enkadde, ly'erinnya ly'ekifo mu Lwebbulaniya eky'e Sudaani oba Buwesiyopya. Omugga ye Kiyira.

1 Kale nno omusota gwali mukalabakalaba okukira ensolo zonna ez'omu
nsiko, MUKAMA Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, "Kazzi
Katonda yagamba nti, 'Temulyanga ku muti gwonna ogw'omu nnimiro!' "
2 Omukazi n'addamu omusota nti, "Tulya ku buli muti ogw'omu
nnimiro,
3 kyokka Katonda yatulagira nti, 'Temulyanga ku kibala ky'omuti oguli
wakati mu nnimiro, wadde okugukwatako, muleme okufa.' "
4 Naye omusota ne gugamba omukazi nti, "Temugenda kufa.
5 Kubanga Katonda amanyi nga lwe muligulyako amaaso gammwe lwe
galizibuka, era mulifaanana nga ye, okumanyanga ekirungi n'ekibi."
6 Awo omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi nga gusanyusa oku-
tunulako era gwegombebwa okuleeta amagezi, n'anoga ekibala kyagwo
n'alya; n'awaako ne bba naye n'alya.
7 Awo amaaso gaabwe bombi ne gazibuka, ne bategeera nga baali
bwereere; ne baluka amalagala g'emiti ne beekolera ebyokwambala.
8 Awo ne bawulira eddoboozi lya MUKAMA Katonda ng'atambula mu
nnimiro, mu budde obuweeweevu. Omusajja n'omukazi ne beekweka mu
miti MUKAMA Katonda aleme okubalaba.
9 Naye MUKAMA Katonda n'ayita omusajja nti, "Oli ludda wa?"
10 N'addamu nti, "Mpulidde eddoboozi lyo mu nnimiro, ne ntya,
kubanga mbadde bwereere; ne nneekweka."
11 N'amubuuza nti, "Ani akubuulidde nti oli bwereere? Olidde ku muti
gwe nakulagira obutagulyangako?"
12 Omusajja n'addamu nti, "Omukazi gwe wampa okubeeranga nange
y'ampadde ekibala ne ndya."
13 MUKAMA Katonda kwe kubuuza omukazi nti, "Kiki kino ky'okoze?"
Omukazi n'addamu nti, "Omusota gwe gunsenzesenze ne ndya."
14 MUKAMA Katonda n'agamba omusota nti, Kubanga okoze kino
okolimiddwa okukira ensolo zonna ez'awaka
n'ez'omu nsiko,
oneekululiranga ku lubuto lwo
era onoolyanga nfuufu
ennaku zonna ez'obulamu bwo.
15 Nteeka obulabe
wakati wo n'omukazi,
ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi;
ezzadde lye linaakubetentanga omutwe,
naawe onoolibojjanga ekisinziiro.
16 N'agamba omukazi nti,
"Nnaayongeranga nnyo ku bulumi bwo ng'oli lubuto,
onoozaaliranga mu bulumi;
musajja wo anaakukoleranga bye weetaaga
kyokka anaakufuganga."
17 N'agamba Adamu nti, "Kubanga owulidde eddoboozi lya mukazi wo,
n'olya ku muti gwe nakulagira obutagulyangako,
"ensi ekolimiddwa ku lulwo;
mu ntuuyo zo mw'onoofuniranga ekyokulya
ennaku zonna ez'obulamu bwo.
18 Ensi eneekumerezanga amaggwa n'amatovu,
onoolyanga ebibala eby'omu nnimiro.
19 Mu ntuuyo zo
mw'onoggyanga ekyokulya,

okutuusa lw'olidda mu ttaka mwe wava,
kubanga oli nfuufu ne mu nfuufu mw'olidda."
20 Omusajja n'atuuma omukazi erinnya Kaawa, oyo ye nnyina
w'abalamu bonna.
21 MUKAMA Katonda n'akolera Adamu ne mukazi we ebyambalo
eby'amaliba n'abambaza.
22 Awo MUKAMA Katonda n'agamba nti, "Laba omuntu afuuse ng'omu ku
ffe okumanyanga ekirungi n'ekibi; kale kaakano talwa kugolola mukono
gwe n'anoga ku muti ogw'obulamu n'alya, n'awangaala emirembe
gyonna."
23 Bw'atyo MUKAMA Katonda n'agoba omuntu mu nnimiro Adeni agende
alimenga ettaka mwe yaggyibwa.
24 Bwe yamala okugobamu omuntu, n'ateekamu Bakerubi n'ekitala
ekimyansa eky'obwogi ku buli ludda okukuuma ekkubo erigenda ku muti
ogw'obulamu.

# 4

*Kayini ne Aberi*

1 Adamu n'amanya Kaawa, mukazi we, n'aba olubuto n'azaala Kayini
n'agamba nti, "MUKAMA annyambye nzadde omuntu."
2 Oluvannyuma n'azaala muganda we Aberi.
Aberi n'aba mulunzi, ye Kayini n'abeera mulimi.
3 Awo ennaku bwe zaayitawo Kayini n'alyoka aleeta ebibala by'ebimera
ebyava mu ttaka okubiwaayo eri MUKAMA.
4 Aberi naye n'aleeta ku baana b'endiga ze ababereberye n'amasavu
gaazo. MUKAMA n'asiima Aberi n'ekiweebwayo kye.
5 Naye teyasiima Kayini wadde ekiweebwayo kye. Awo Kayini
n'asunguwala nnyo, n'endabika y'amaaso ge n'ewaanyisibwa.
6 MUKAMA n'abuuza Kayini nti, "Osunguwalidde ki? Era n'endabika
y'amaaso go lwaki ewaanyisiddwa?
7 Bw'onookolanga obulungi tokkirizibwenga? Naye bw'otokole bulungi
ekibi, kiri kumpi naawe, nga kikulindiridde, naye oteekwa okukiwangula."

*Kayini atta Aberi*

8 Kayini n'agamba Aberi muganda we nti, "Tulageko mu nnimiro." Bwe
baali nga bali mu nnimiro Kayini n'agolokokera ku muganda we Aberi,
n'amutta.
9 Awo MUKAMA n'abuuza Kayini nti, "Muganda wo Aberi ali ludda wa?"
N'amuddamu nti, "Ssimanyi; nze mukuumi wa muganda wange?"
10 MUKAMA n'amugamba nti, "Okoze ki? Eddoboozi ly'omusaayi gwa
muganda wo oguyiyiddwa ku ttaka linkaabirira.
11 Ne kaakano okolimiddwa, era ettaka lyasamye okumira omusaayi gwa
muganda wo gwe wasse.
12 Bw'onoolimanga ettaka teriikuwenga bibala byalyo; onoobanga
momboze ku nsi."
13 Kayini n'agamba MUKAMA nti, "Ekibonerezo kyange kinzitooweredde
sikisobola.
14 Laba, ongobye okuva ku nsi ne mu maaso go; era nnaabanga
momboze ne buli anandaba ananzita."
15 Awo MUKAMA n'amugamba nti, "Nedda si bwe kiri. Buli alitta Kayini
ndimuwalana emirundi musanvu." Awo MUKAMA n'ateeka akabonero ku
Kayini, buli amulaba aleme okumutta.

16 Kayini n'alyoka ava mu maaso ga MUKAMA, n'abeera mu nsi ya Enodi
ku luuyi olw'ebuvanjuba olwa Adeni.

*Abaana ba Kayini*

17 Kayini n'amanya mukazi we, n'aba olubuto n'azaala Enoka. Kayini
n'azimba ekibuga n'akituuma erinnya lyerimu erya mutabani we Enoka.
18 Enoka n'azaalirwa Iradi ne Iradi n'azaala Mekujeeri, ne Mekujeeri
n'azaala Mesuseera, ne Mesuseera n'azaala Lameka.
19 Lameka n'awasa abakazi babiri: omu yali Ada n'omulala nga ye Zira.
20 Ada n'azaala Yabali. Ono ye yali kitaawe w'abo ababeera mu weema
nga balunda.
21 Muganda we Yubali, ye yazaala abo abakuba ennanga n'okufuuwa
omulere.
22 Zira n'azaala Tubalukayini omuweesi w'eby'ekikomo n'eby'ekyuma.
Ne mwannyina wa Tubalukayini nga ye Naama.
23 Lameka n'agamba bakazi be nti,
"Ada ne Zira, muwulire eddoboozi lyange;
mwe bakazi ba Lameka, muwulirize kye ŋŋamba;
nzise omusajja olw'okunfumita,
nga muvubuka, olw'okunkuba.
24 Obanga Kayini yawalanirwa emirundi musanvu,
mazima Lameka wa kuwalanirwa emirundi nsanvu mu musanvu."

*Okuzaalibwa kwa Seezi*

25 Awo Adamu n'amanya mukazi we, n'azaala omwana wabulenzi
n'amutuuma Seezi, kubanga yayogera nti, "Katonda ampadde omwana
omulala mu kifo kya Aberi, Kayini gwe yatta."
26 Seezi n'azaala omwana owoobulenzi n'amutuuma Enosi.

Mu kiseera ekyo abantu ne batandika okukoowoola erinnya lya
MUKAMA.

# 5

*Okuva ku Adamu Okutuuka ku Nuuwa*

1 Luno lwe lulyo lwa Adamu.

Katonda bwe yatonda omuntu, yamukola mu kifaananyi kya Katonda.
2 Yabatonda omusajja n'omukazi, n'abawa omukisa n'abatuuma,
"abantu."
3 Adamu bwe yaweza emyaka kikumi mu asatu, n'azaala omwana
owoobulenzi amufaanana, mu kifaananyi kye, n'amutuuma Seezi.
4 Seezi bwe yamala okuzaalibwa, Adamu n'amala emyaka lunaana,
n'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
5 Emyaka gyonna Adamu gye yamala gyali lwenda mu asatu, n'afa.
6 Seezi bwe yaweza emyaka kikumi mu etaano n'azaala Enosi.
7 Seezi bwe yamala okuzaala Enosi n'awangaala emyaka emirala
lunaana mu musanvu n'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
8 Bwe gityo emyaka gyonna egya Seezi ne giba lwenda mu kkumi n'ebiri
n'alyoka afa.
9 Enosi bwe yaweza emyaka kyenda n'azaala Kenani.
10 Enosi bwe yamala okuzaala Kenani n'awangaala emyaka emirala
lunaana mu kkumi n'etaano, omwo n'azaaliramu abaana aboobulenzi
n'aboobuwala.

11 Bwe gityo emyaka gyonna Enosi gye yamala ne giba lwenda mu etaano; n’alyoka afa.

12 Kenani bwe yaweza emyaka nsanvu n’azaala Makalaleri.

13 Kenani n’awangaala emyaka emirala lunaana mu ana, n’azaaliramu abaana aboobulenzi n’aboobuwala.

14 Emyaka gyonna Kenani gye yamala ne giba lwenda mu kkumi.

15 Makalaleri bwe yaweza emyaka nkaaga mu etaano n’azaala Yaredi.

16 Bwe yamala okuzaala Yaredi n’awangaala emyaka emirala lunaana mu asatu n’azaaliramu abaana abalala aboobulenzi n’aboobuwala.

17 Ennaku zonna eza Makalaleri ne ziba emyaka lunaana mu kyenda mu etaano, n’afa.

18 Yaredi bwe yaweza emyaka kikumi mu nkaaga mu ebiri n’azaala Enoka.

19 Yaredi bwe yamala okuzaala Enoka n’awangaala emyaka emirala lunaana, omwo n’azaaliramu abaana abalala aboobulenzi n’aboobuwala.

20 Bwe gityo emyaka gyonna Yaredi gye yamala ne giba lwenda mu nkaaga mu ebiri, n’afa.

21 Enoka bwe yaweza emyaka nkaaga mu etaano n’azaala Mesuseera.

22 Enoka n’atambulira wamu ne Katonda, okumala emyaka ebikumi bisatu nga Mesuseera amaze okuzaalibwa, n’azaala abaana abalala aboobulenzi n’aboobuwala.

23 Bwe gityo emyaka gyonna egya Enoka ne giba ebikumi bisatu mu nkaaga mu etaano.

24 Enoka yatambula ne Katonda, n’ataddamu kulabika, kubanga Katonda yamutwala.

### *Mesuseera ne Nuuwa*

25 Mesuseera bwe yali nga yaakamala emyaka kikumi mu kinaana mu musanvu n’azaala Lameka.

26 Bwe yamala okuzaala Lameka n’awangaala emyaka emirala lusanvu mu kinaana mu ebiri, n’azaala abaana abalala aboobulenzi n’aboobuwala.

27 Bwe gityo emyaka gyonna Mesuseera gye yamala ne giba lwenda mu nkaaga mu mwenda; n’afa.

28 Lameka bwe yali nga wa myaka kikumi mu kinaana mu ebiri n’azaala omwana owoobulenzi

29 n’amutuuma Nuuwa, ng’agamba nti, “Okuva mu ttaka MUKAMA lye yakolimira, ono yalituweezaweeza mu mulimu gwaffe, ne mu kutegana kw’emikono gyaffe.”

30 Lameka n’awangaala emyaka emirala bitaano mu kyenda mu etaano ng’amaze okuzaala Nuuwa, mu gyo n’azaaliramu abaana abalala aboobulenzi n’aboobuwala.

31 Bwe gityo emyaka gyonna Lameka gye yawangaala ne giba lusanvu mu nsanvu mu musanvu.

32 Nuuwa bwe yaweza emyaka ebikumi bitaano n’azaala Seemu, ne Kaamu ne Yafeesi.

# 6

### *Amataba*

1 Abantu bwe beeyongera obungi ku nsi ne bazaalirwa abaana aboobuwala.

2 Abaana ba Katonda ne balaba ng’abawala abo balungi ne bawasa buli gwe beerondera.

3 Awo MUKAMA n'agamba nti, "Omwoyo wange taawakanenga na muntu emirembe gyonna, kubanga muntu buntu; n'ennaku ze ziriba emyaka kikumi mu abiri."

4 Mu nnaku ezo, abaana ba Katonda bwe beegatta n'abawala b'abantu abo, ne babazaalamu abaana; be Banefuli abaali abatutumufu ennyo era abalwanyi abeekitalo mu biseera ebyo era ne mu biro ebyaddirira.

### *Katonda Asalira Abantu Omusango*

5 MUKAMA n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndowooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna.

6 MUKAMA n'anakuwala nnyo kubanga yatonda omuntu ku nsi, n'alumwa nnyo mu mutima gwe.

7 Awo MUKAMA n'agamba nti, "Ndiggya ku nsi omuntu gwe natonda, ndisaanyaawo omuntu, n'ensolo n'ebinyonyi, kubanga nejjusizza olw'okubitonda."

8 Kyokka ye Nuuwa n'alaba ekisa mu maaso ga MUKAMA.

### *Ekiragiro ky'Okuzimba Eryato*

9 Bino bye bifa ku Nuuwa n'ab'omu nju ye:

Nuuwa yali muntu mutuukirivu, nga taliiko kya kunenyezebwa mu bantu b'ekiseera kye, n'atambula ne Katonda.

10 Nuuwa yalina batabani be basatu: Seemu ne Kaamu ne Yafeesi.

11 Ensi yali nnyonoonefu mu maaso ga Katonda era ng'ejjudde eddalu.

12 Katonda n'alaba ensi, era laba, ng'eyonoonese mu kweyisa kwayo kubanga buli muntu yenna yali kyetwala nga tewakyali mutuukirivu.

13 Katonda kwe kugamba Nuuwa nti, "Mmaliridde okuzikiriza buli muntu, kubanga ensi ejjudde eddalu; laba, nzija kubazikiriza mbamalewo ku nsi.

14 Naye ggwe Nuuwa weekolere eryato mu muti gofeeri, okolemu ebisenge, olibikke n'envumbo munda ne kungulu.

15 Bw'oti bw'oba olikola: obuwanvu bwalyo mita kikumi mu ana, n'obugazi mita amakumi abiri mu ssatu, n'obugulumivu mita kkumi na ssatu n'ekitundu.

16 Bw'oliba olizimba, waggulu oteekangayo akasolya nga kabika kimu kyakubiri ekya mita. Omulyango gwalyo oguteekanga mu mbiriizi zaalyo. Okolanga eryato lya kalinassatu, ery'emyaliiro: ogwa wansi n'ogwokubiri, n'ogwokusatu.

17 Ndireeta amataba ku nsi, okuzikiriza buli kiramu, ekissa omukka, ekiri wansi w'eggulu; buli ekiri ku nsi kya kufa.

18 Naye ndikola endagaano naawe. Oliyingira mu lyato, ggwe, ne mukazi wo, ne batabani bo, ne baka batabani bo wamu naawe.

19 Oliyingira mu lyato na buli kiramu ekirina omubiri; oliyingiza bibiri bibiri ekisajja n'ekikazi bibeere biramu naawe.

20 Ku binyonyi ebya buli ngeri, ne ku nsolo eza buli ngeri, na buli ekyewalula ekya buli ngeri, bibiri bibiri ebya buli ngeri birijja gy'oli, bibeere biramu.

21 Era twala buli ngeri ya mmere eriibwa, ogitereke; eriba mmere yo n'ebiramu byo."

22 Nuuwa n'akola byonna nga Katonda bwe yamulagira.

# 7

1 Awo MUKAMA n'agamba Nuuwa nti, "Yingira mu lyato, ggwe n'abantu
bo bonna, kubanga nkulabye ng'oli mutuukirivu mu mulembe guno.
2 Twala ku buli nsolo ennongoofu musanvu musanvu ensajja n'enkazi,
3 era ne ku binyonyi eby'omu bbanga musanvu musanvu ekisajja
n'ekikazi, okukuuma olulyo lwabyo ku nsi.
4 Bwe waliyitawo ennaku musanvu nditonnyesa enkuba ku nsi emisana
n'ekiro okumalira ddala ennaku amakumi ana, era ndizikiriza buli kintu
ekiramu kye natonda ku nsi."

5 Bw'atyo Nuuwa n'akola buli kintu nga MUKAMA bwe yakimulagira.

6 Nuuwa yali aweza emyaka lukaaga amataba bwe gajja ku nsi.
7 Nuuwa n'ayingira mu lyato n'abaana be ne mukazi we n'abakazi
b'abaana be bawone amataba.
8 Era ensolo ennongoofu, n'ensolo ezitali nnongoofu n'ebibuuka mu
bbanga na buli ekyewalula,
9 ne biyingira bibiri bibiri ekisajja n'ekikazi eri Nuuwa mu lyato, nga
Katonda bwe yamulagira.
10 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ennaku ziri omusanvu, amataba ne
gatandika ku nsi.

11 Mu mwaka ogw'olukaaga ogw'obulamu bwa Nuuwa, mu mwezi
ogwokubiri, ku lunaku olw'ekkumi n'omusanvu olw'omwezi, ku lunaku
olwo ensulo zonna ez'omu nnyanja ennene, ne ziggulwa lumu n'ebituli
byonna eby'eggulu.
12 Enkuba n'etonnya ku nsi okumala ennaku amakumi ana, emisana
n'ekiro.
13 Ku lunaku olwo lwennyini Nuuwa ne mukazi ne batabani be, Seemu,
ne Kaamu ne Yafeesi, ne bakazi baabwe bonsatule, ne bayingira mu lyato.
14 Buli nsolo mu ngeri yaayo na buli nte, na buli ekyewalula, era na buli
kinyonyi mu ngeri yaakyo na buli nkula ya kinyonyi, nabyo ne biyingira
mu lyato.
15 Ne biyingira mu lyato lya Nuuwa bibiri bibiri byonna ebyalimu
omukka ogw'obulamu.
16 Byonna ne biyingira mu lyato, ekisajja n'ekikazi; byayingira nga
Katonda bwe yalagira Nuuwa, MUKAMA n'aggalawo eryato.

17 Amataba ne gabuna ensi okumala ennaku amakumi ana. Amazzi ne
geeyongeranga, n'eryato nalyo ne lyeyongeranga okutumbiira ku nsi.
18 Amazzi ne gatumbiira ne geeyongera okwala ku nsi, n'eryato ne
liseeyeeya kungulu ku mazzi.
19 Amazzi ne gatumbiira nnyo nnyini ku nsi, n'ensozi zonna empanvu
wansi w'eggulu lyonna amazzi ne gazibikka.
20 Amazzi ne gatumbiira ne gabikka ensozi ne zibulira wansi mu mazzi
mita nga musanvu.
21 Buli kiramu ekyali ku nsi ne kifa: ebinyonyi n'ensolo ez'awaka
n'ez'omu nsiko, n'ebitonde byonna ebyali ku nsi n'abantu bonna.
22 Buli kintu kyonna ekyali ku lukalu ekissa omukka ne kifa.
23 Buli kiramu kyonna ekyali ku nsi ne kimalibwawo: abantu, n'ensolo,
na buli kitonde ekitambula ku nsi, n'ebinyonyi eby'omu bbanga ne
bimalibwawo ku nsi. Nuuwa yekka n'abo be yali nabo mu lyato be
baasigalawo.

24 Amataba gaamala ku nsi ennaku kikumi mu ataano.

# 8

*Okukendeera kw'Amataba*

1 Katonda n'ajjukira Nuuwa n'ensolo zonna ez'awaka n'ez'omu nsiko ezaali naye mu lyato, n'asindika empewo ku nsi, amazzi ne gakendeera;
2 ensulo eza wansi w'ensi n'ebituli eby'eggulu ne biggalibwa, n'enkuba eva mu ggulu n'eziyizibwa,
3 n'amazzi ne geeyongera okukendeera ku nsi. Ku nkomerero y'ennaku kikumi mu ataano amazzi gaali gakalidde;
4 ne mu mwezi ogw'omusanvu, ku lunaku lwagwo olw'ekkumi n'omusanvu, eryato ne litereera ku nsozi eza Alalaati.
5 Bwe gatyo amazzi ne geeyongera okukalira okutuusa mu mwezi ogw'ekkumi, ku lunaku olusooka olw'omwezi ogwo entikko z'ensozi ne zirabika.
6 Oluvannyuma lw'ennaku amakumi ana Nuuwa n'aggula eddirisa lye yakola ku lyato
7 n'atuma namuŋŋoona n'agenda nga bw'akomawo okutuusa amazzi lwe gaakalira.
8 Oluvannyuma n'atuma ejjuba ne liva w'ali okulaba ng'amazzi gakalidde ku nsi;
9 naye ejjuba ne litalaba we lissa kigere kyalyo, ne likomawo gy'ali mu lyato, kubanga amazzi gaali gakyali ku nsi yonna. N'agolola omukono gwe n'alikwata n'aliyingiza mu lyato.
10 N'alinda ennaku endala musanvu n'atuma ate ejjuba okuva mu lyato;
11 ne likomawo akawungeezi, era laba, nga lirina mu kamwa kaalyo akakoola akabisi ke liggye ku muti omuzeyituuni. Awo Nuuwa n'ategeera nti amazzi gakendedde ku nsi.
12 Ate n'alinda ennaku endala musanvu, n'asindika ejjuba, naye ku mulundi guno teryadda.
13 Ku lunaku olw'olubereberye, olw'omwezi ogw'olubereberye nga Nuuwa aweza emyaka lukaaga mu gumu, amazzi gaali gakalidde ku nsi. Awo Nuuwa n'aggyako ekibikka ku lyato n'alaba ng'ensi ekalidde.
14 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu omusanvu olw'omwezi ogwokubiri ensi yali ekalidde.
15 Awo Katonda n'agamba Nuuwa nti,
16 "Vva mu lyato, ggwe, ne mukazi wo, ne batabani bo ne bakazi baabwe.
17 Fulumya buli kiramu ekiri naawe: ebinyonyi, n'ensolo, na buli kiramu ekitambula ku ttaka, biryoke bizaale byale ku nsi, byeyongerenga obungi."
18 Awo Nuuwa n'afuluma ne batabani be, ne mukazi we wamu ne bakazi ba batabani be.
19 N'ensolo n'ebitonde byonna ebitambula ku ttaka, n'ebinyonyi byonna, byonna ne biva mu lyato bibiri bibiri mu bibinja.
20 Awo Nuuwa n'azimbira MUKAMA ekyoto, n'addira ku zimu ku nsolo ennongoofu ne ku binyonyi ebirongoofu n'awaayo ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto.
21 MUKAMA n'awulira akawoowo akalungi akamusanyusa, n'ayogera mu mutima gwe nti, "Sikyaddayo kukolimira nsi olw'omuntu, newaakubadde ng'endowooza y'omutima gwe mbi okuva mu buto bwe. Sikyaddayo na kuzikiriza bitonde byonna ebiramu, nga bwe nkoze.
22 "Ensi ng'ekyaliwo,
okusiga n'amakungula,
obunnyogovu n'ebbugumu,

ebiseera eby'omusana n'eby'obutiti,
emisana n'ekiro,
tebiggwengawo."

# 9

### *Endagaano ya Katonda ne Nuuwa*

1 Awo Katonda n'awa Nuuwa ne batabani be omukisa n'agamba nti,
"Muzaale mwale mweyongerenga nnyo mujjuze ensi.
2 Ensolo zonna ez'omu nsiko, n'ebinyonyi eby'omu bbanga, na buli ekita-
mbula ku nsi, buli ekiri mu nnyanja, byonna binaakutyanga, mbikuwadde
mu mikono gyo.
3 Buli kintu ekiramu, ekitambula onookiryanga. Nga bwe nakuwa
ebimera, kaakano nkuwa buli kintu.
4 "Naye toolyenga nnyama ng'ekyalimu omusaayi gwayo.
5 Era ndivunaana ayiwa omusaayi gwammwe ne nvunaana n'omuntu
olw'omusaayi gw'ensolo ne muvunaana n'olw'omusaayi gwa muntu
munne.
6 "Buli anaayiwanga omusaayi gw'omuntu,
n'ogugwe gunaayiibwanga,
kubanga mu kifaananyi kya Katonda,
Katonda mwe yakolera omuntu.
7 Naye ggwe onoozaalanga ne weeyongera obungi. Oneeyongeranga ku
nsi."

### *Endagaano ne Nuuwa*

8 Awo Katonda n'agamba Nuuwa ne batabani bwe baali
9 nti, "Laba nkola endagaano yange nammwe ne bonna abaliva mu
mmwe oluvannyuma lwammwe,
10 era na buli kitonde ekiramu ekiri naawe: ebinyonyi, n'ensolo
ez'awaka n'ez'omu nsiko zonna, ne byonna bye muvudde nabyo mu lyato,
ne buli kitonde kyonna ku nsi.
11 Nkola endagaano yange eno nammwe: tewaabengawo mataba
gazikiriza bulamu bwonna, tewakyaddayo kubaawo mataba gasaanyaawo
nsi."
12 Katonda n'agamba nti, "Kano ke kabonero ke nteeka wakati wange
nammwe, na buli kitonde ekiramu ekiri nammwe, era n'ab'emirembe
egiriddawo.
13 Nteeka musoke wange mu kire, nga ke kabonero ak'endagaano wakati
wange n'ensi.
14 "Kale olunaatuukanga, bwe nnaaleetaanga ekire ku nsi, musoke
anaalabikiranga ku bire,
15 ne nzijukira endagaano yange nammwe na buli kiramu; era amazzi
tegakyaddayo kuzikiriza biramu.
16 Musoke bw'anaabanga ku bire, nnaamutunuuliranga ne nzijukira
endagaano eteriggwaawo eriwo wakati wa Katonda na buli kitonde
ekiramu ekiri ku nsi."
17 Katonda n'agamba Nuuwa nti, "Kano ke kabonero ak'endagaano gye
ntaddewo wakati wange ne buli kiramu ekiri ku nsi."

### *Batabani ba Nuuwa*

18 Batabani ba Nuuwa abaava mu lyato ye Seemu, ne Kaamu ne Yafeesi.
Kaamu ye yali kitaawe wa Kanani.

19 Bonna abasatu be baali batabani ba Nuuwa; era okuva mu bano ensi yonna yajjula abantu.

### *Kanani Akolimirwa, Seemu ye Aweebwa Omukisa*

20 Nuuwa n'atandika okulima n'asimba emizabbibu;
21 n'anywa omwenge n'atamiira, ne yeebaka mu weema ng'ali bwereere.
22 Kaamu kitaawe wa Kanani n'alaba obwereere bwa kitaawe, n'abuulirako baganda be ababiri abaali ebweru.
23 Awo ne bateeka olugoye ku bibegabega byabwe ne batambula ekyennyumannyuma, ne babikka ku bwereere bwa kitaabwe.
24 Omwenge bwe gwamwamukako, Nuuwa n'azuukuka n'ategeera mutabani we omuto ky'amukoze.
25 N'akolimira ezzadde lya Kaamu n'agamba nti,
"Kanani akolimirwe,
abeere muddu wa baddu eri baganda be."
26 Era n'agamba nti,
"MUKAMA Katonda wange, awe Seemu omukisa,
Kanani abeere muddu we."
27 Katonda yaza Yafeesi,
abeere mu weema za Seemu,
Kanani abeere muddu we.
28 Oluvannyuma lw'amataba Nuuwa yawangaala emyaka emirala ebikumi bisatu mu ataano.
29 Emyaka gyonna Nuuwa, gye yamala ku nsi ne giba lwenda mu amakumi ataano, n'afa.

# 10

### *Bazzukulu ba Nuuwa*

1 Bano be bazzukulu ba Nuuwa, Seemu ne Kaamu, ne Yafeesi be baazaala oluvannyuma lw'amataba.

### *Bazzukulu ba Kuusi*

2 Batabani ba Yafeesi:
Gomeri, ne Magogi, ne Madayi, ne Yivani, ne Tubali ne Meseki ne Tirasi.
3 Batabani ba Gomeri be bano:
Asukenaazi, ne Lifasi, ne Togaluma.
4 Batabani ba Yivani baali:
Erisa, ne Talusiisi, ne Kittimu ne Dodanimu.
5 (Mu bano mwe mwava abo abaabuna olubalama lw'ennyanja. Bano be batabani ba Yafeesi mu bitundu byabwe, buli bamu mu nnimi zaabwe ng'ennyumba zaabwe n'amawanga gaabwe bwe biri.)

### *Bazzukulu ba Kaamu*

6 Batabani ba Kaamu be bano:
Kuusi, ne Misiri, ne Puuti,* ne Kanani.
7 Batabani ba Kuusi be bano:
Seeba, ne Kavira, ne Sabuta, ne Laama ne Sebuteka.
Batabani ba Laama baali:
Seeba ne Dedani.

---

* **10:6** Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya

8 Kuusi ye yazaala Nimuloodi; ye yasooka okuba omuntu ow'amaanyi ennyo ku nsi.

9 Yali muyizzi kkungwa, mu maaso ga MUKAMA, kyekyava
kigambibwa nti, "Afaanana Nimuloodi omuyizzi kkungwa mu maaso ga
MUKAMA."

10 Obwakabaka bwe bwatandikira Baberi, ne Eneki ne Akudi ne
Kalune, nga byonna bya mu nsi Sinali.†

11 Bwe yava mu nsi eyo n'agenda mu Bwasuli, n'azimba Nineeve,
ne Lekobosiyira, ne Kala ne

12 Leseni, wakati wa Nineeve ne Kala; Leseni kye kyali ekibuga
ekikulu.

13 Mizulayimu oba Misiri ye kitaawe wa
Ludimu, ne Anamimu, ne Lekabimu, ne Nafutukimu,
14 ne Pasulusimu, ne Kasulukimu (omwava Abafirisuuti) ne Kafu-
torimu.

15 Kanani ye yazaala
Sidoni, omwana we omubereberye, ne Keesi,
16 n'Abayebusi, n'Abamoli, n'Abagirugaasi,
17 n'Abakiivi, n'Abaluki, n'Abasiini,
18 n'Abaluvada, n'Abazemali, n'Abakamasi n'ebika eby'omu Kanani
ne babuna wonna.
19 Ekitundu kya Kanani kyava ku Sidoni, okwolekera Gerali
n'okutuukira ddala e Gaza okwolekera Sodomu, ne Ggomola, ne Aduma,
ne Zeboyimu okutuukira ddala e Lasa.

20 Abo be bazzukulu ba Kaamu, mu nda zaabwe ne nnimi zaabwe, mu bitundu byabwe ne mu mawanga gaabwe.

### *Bazzukulu ba Seemu*

21 Seemu kitaawe w'abo bonna abaava mu Eberi, mukulu wa Yafeesi naye yazaalirwa abaana.

22 Abaana ba Seemu be bano:
Eramu, ne Asuli,‡ ne Alupakusaadi, ne Ludi ne Alamu.
23 Batabani ba Alamu:
Uzi, ne Kuuli, ne Ggeseri ne Masi.
24 Alupakusaadi ye kitaawe wa§ Seera.
Seera ye kitaawe wa Eberi.
25 Omu ku batabani ba Eberi yali Peregi,
kubanga we yazaalirwa ensi yali yeesazeemu, muganda we ye yali Yokutaani.
26 Yokutaani ye yali kitaawe wa
Alumodaadi, ne Serefu, ne Kazalumaveesi, ne Yera,
27 ne Kadolaamu, ne Uzali, ne Dikula,
28 ne Obali, ne Abimayeeri, ne Seeba,
29 ne Ofiri, ne Kavira ne Yobabu; bano bonna baali batabani ba
Yokutaani.
30 Ekitundu mwe baali kyava ku Mesa okwolekera Serali, okutuukira ddala ku kitundu eky'ensozi ku luuyi olw'ebuvanjuba.

31 Abo be bazzukulu ba Seemu, mu nnyumba zaabwe, ne mu nnimi zaabwe, ne mu bitundu byabwe ne mu mawanga gaabwe.

† **10:10** Sinali y'ensi ya Babulooni ey'edda. ‡ **10:22** Asuli ly'erinnya ery'edda erya Busuuli.
§ **10:24** yali kitaawe wa Kayinaani, ne Kayinaani nga ye kitaawe wa Seera

32 Abo ze nnyumba za batabani ba Nuuwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, n'amawanga gaabwe; era okuva mu bano amawanga gonna mwe gaayalira ne gabuna ensi yonna oluvannyuma lw'amataba.

# 11

*Omunaala gwa Babiri*

1 Ensi yonna yalina olulimi lumu, nga bakozesa ebigambo bye bimu.
2 Abantu bwe baava oluuyi olw'ebuvanjuba ne batuuka mu lusenyi nsi
ya Sinaali ne babeera omwo.
3 Ne bateesa nti, "Mujje tukole amatoffaali, tugookye bulungi." Ne baba
n'amatoffaali mu kifo ky'amayinja, ne kolaasi mu kifo ky'ettosi.
4 Awo ne bagamba nti, "Mujje twezimbire ekibuga, tutuuse omunaala
gwakyo ku ggulu; twekolere erinnya, tuleme okusaasaanyizibwa okubuna
ensi yonna."
5 Naye MUKAMA nakka okulaba ekibuga n'omunaala, abaana b'abantu
kye baali bazimba.
6 MUKAMA n'ayogera nti, "Laba, bali omuntu omu, era boogera olulimi
lumu! Era eno ntandikwa butandikwa ey'ebyo bye banaakola; era tewali
kye banaateesa kukola ekinaabalemerera.
7 Mujje, tukke wansi tutabuletabule olulimi lwabwe, baleme kutegeera-
gana."
8 Bw'atyo MUKAMA n'abasaasaanya ne babuna ensi yonna, n'ekibuga
kyabwe ne batakimaliriza.
9 Ekibuga ekyo erinnya lyakyo kye lyava liyitibwa Babiri, kubanga eyo
MUKAMA gye yatabuliratabulira olulimi lw'ensi yonna. Eyo MUKAMA gye
yabasaasaanyiza okubuna ensi yonna.

*Abaana n'abazzukulu ba Seemu*

10 Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Seemu:

Seemu bwe yali ng'aweza emyaka kikumi, n'azaala* Alupakusaadi nga wakayita emyaka ebiri okuva ku mataba.

11 Seemu n'amala emyaka ebikumi bitaano nga Alupakusaadi amaze
okusaalibwa. N'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
12 Alupakusaadi bwe yaweza emyaka asatu mu etaano n'azaala Seera,
13 Alupakusaadi bwe yamala okuzaala Seera n'awangaala emyaka
emirala ebikumi bina mu esatu, omwo n'azaaliramu abaana aboobulenzi
n'aboobuwala.
14 Seera bwe yaweza emyaka amakumi asatu n'azaala Eberi,
15 ate Seera n'aweza emyaka emirala ebikumi bina mu asatu ng'amaze
okuzaala Eberi, era omwo n'azaaliramu abaana abalala aboobulenzi
n'aboobuwala.
16 Eberi bwe yaweza emyaka amakumi asatu mu ena n'azaala Peregi.
17 Eberi bwe yamala okuzaala Peregi n'awangaala emyaka ebikumi
bina mu amakumi asatu, omwo n'azaaliramu abaana abalala aboobulenzi
n'aboobuwala.
18 Peregi bwe yaweza emyaka amakumi asatu n'azaala Leewo,
19 bwe yamala okuzaala Leewo n'awangaala emyaka emirala ebikumi
bibiri mu mwenda, n'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
20 Leewo bwe yaweza emyaka amakumi asatu mu ebiri n'azaala Serugi.

* **11:10** n'azaala kiyinza okutegeeza jjajja

21 N'awangaala emyaka emirala ebikumi bibiri mu musanvu. Omwo
n'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
22 Serugi bwe yaweza emyaka amakumi asatu n'azaala Nakoli,
23 bwe yamala okuzaala Nakoli n'awangaala emyaka emirala ebikumi
bibiri. Omwo n'azaaliramu abaana aboobulenzi n'aboobuwala.
24 Nakoli bwe yaweza emyaka amakumi abiri mu mwenda n'azaala Teera.
25 Bwe yamala okuzaala Teera n'awangaala emyaka emirala kikumi
mu kkumi na mwenda, era omwo n'azaaliramu abaana aboobulenzi
n'aboobuwala.
26 Teera bwe yaweza emyaka nsanvu, n'azaala Ibulaamu, ne Nakoli ne Kalani.

### *Obuzaale bwa Ibulaamu*

27 Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Teera:

Teera ye kitaawe wa Ibulaamu, ne Nakoli ne Kalani; Kalani ye yali
kitaawe wa Lutti.
28 Kalani yafa nga kitaawe Teera tannafa. Yafiira mu Uli
ey'Abakaludaaya mwe yazaalirwa.
29 Ibulaamu ne Nakoli ne bawasa; erinnya lya mukazi wa Ibulaamu lyali
Salaayi, ate mukazi wa Nakoli nga ye Mirika, muwala wa Kalani, kitaawe
wa Mirika ne Isika.
30 Salaayi yali mugumba, teyalina mwana.
31 Teera n'atwala Ibulaamu mutabani we Lutti muzzukulu we mutabani
wa Kalani, ne Salaayi muka mutabani we Ibulaamu, ne bagenda bonna
okuva mu Uli eky'Abakaludaaya okugenda mu nsi ya Kalani; bwe
baatuuka mu Kalani,† ne babeera omwo.
32 Emyaka gya Teera gyali ebikumi bibiri mu etaano; Teera n'afiira mu
Kalani.

# 12

### *Okuyitibwa kwa Ibulaamu*

1 Awo MUKAMA n'agamba Ibulaamu nti, "Vva mu nsi yannyo ne mu
bantu bo ne mu nnyumba ya kitaawo ogende mu nsi gye ndikulaga.
2 "Nange ndikufuula eggwanga eddene,
era ndikuwa omukisa,
n'erinnya lyo ne ndifuula kkulu,
olyoke obeere mukisa.
3 Ndiwa omukisa abo abakusabira omukisa,
era buli alikukolimira nange namukolimiranga;
era mu ggwe amawanga gonna ag'omu nsi
mwe galiweerwa omukisa."
4 Bw'atyo Ibulaamu n'agenda nga MUKAMA bwe yamugamba, ne Lutti
n'agenda wamu naye. Ibulaamu we yaviira mu Kalani yali aweza emyaka
nsanvu mu etaano.
5 Ibulaamu n'atwala Salaayi mukazi we, ne Lutti mutabani wa muganda
we ne byonna bye baalina bye baali bafunye, n'abantu baabwe be
baafunira mu Kalani, ne basitula okugenda mu Kanani. Ne batuuka mu
nsi ya Kanani.

† **11:31** Kalani kibuga ekisangibwa mu Mesopotamiya, era ky'ekifo ekikulu awasinzibwa omwezi, ng'ekibuga ky'e Uli bwe kiri.

6 Ibulaamu n'ayita mu nsi n'atuuka mu kifo ekiyitibwa Sekemu awali
emivule gya Mole. Mu biro ebyo Abakanani be baali mu nsi omwo.
7 Awo MUKAMA n'alabikira Ibulaamu n'agamba nti, "Ensi eno ndigiwa
abo abaliva mu ggwe." Awo Ibulaamu n'azimbira eyo MUKAMA ekyoto
eyamulabikira.
8 Bw'atyo n'alaga ku lusozi ku luuyi olw'ebuvanjuba obwa Beseri,
n'asimba eweema ye nga Beseri ali ku luuyi olw'ebugwanjuba, ne Ayi ngali
ku luuyi olw'ebuvanjuba, n'azimbira eyo MUKAMA ekyoto, n'akoowoola
erinnya lya MUKAMA.
9 Ibulaamu ne yeeyongera okutambula ng'ayolekera Negevu*.

### *Ibulaamu Agenda e Misiri*

10 Ne wagwa enjala mu nsi. Bw'atyo Ibulaamu n'aserengeta e Misiri†
asengukireko eyo, kubanga enjala nnyingi eyali mu nsi.
11 Bwe yali anaatera okuyingira mu Misiri, n'agamba Salaayi mukazi we
nti, "Mmanyi ng'oli mukazi mulungi era mubalagavu,
12 era Abamisiri bwe balikulabako baligamba nti, 'Ono ye mukazi we,'
kale balinzita, naye ggwe ne bakuleka.
13 Ogambanga nti, Oli mwannyinaze ndyoke mbeere bulungi ku lulwo,
n'obulamu bwange buleme kubaako kabi, buwone ku lulwo."
14 Ibulaamu bwe yayingira mu Misiri, Abamisiri ne balaba Salaayi nga
mukazi mulungi nnyo.
15 N'abakungu ba Falaawo bwe baamulaba ne bamutendera Falaawo ne
bamutwala mu lubiri lwa Falaawo.
16 Ku lwa Salaayi, Falaawo n'ayisa bulungi Ibulaamu. Ibu-
laamu n'aweebwa endiga, n'ente, n'endogoyi, n'abaweereza abasajja,
n'abaweereza abakazi, n'endogoyi enkazi, n'eŋŋamira.
17 Naye MUKAMA n'aleetera Falaawo n'ennyumba ye endwadde
enkambwe olwa Salaayi mukazi wa Ibulaamu.
18 Awo Falaawo n'ayita Ibulaamu n'amugamba nti, "Kiki kino
ky'onkoze? Lwaki tewantegeeza nti mukazi wo?
19 Lwaki wagamba nti mwannyoko, ne mmutwala okuba mukazi wange?
Kale kaakano mukazi wo wuuno mmutwale mugende."
20 Falaawo n'alagira basajja be ebikwata ku Ibulaamu, ne bamusindiik-
iriza n'ava mu nsi ne mukazi we ne byonna bye yalina.

## 13

1 Bw'atyo Ibulaamu n'ayambuka okuva mu Misiri ye ne mukazi we, ne
byonna bye yalina, ne Lutti ne bayingira mu Negevu.

### *Ibulaamu ne Lutti Baawukana*

2 Mu kiseera ekyo Ibulaamu yalina ente nnyingi, ne ffeeza ne zaabu
nnyingi nnyo.
3 N'atambula okuva e Negevu n'atuuka e Beseri, mu kifo eweema ye we
yali olubereberye, wakati wa Beseri ne Ayi,
4 mu kifo we yasooka okuzimbira MUKAMA ekyoto, Ibulaamu
n'akoowoolera eyo erinnya lya MUKAMA.
5 Ne Lutti eyagenda ne Ibulaamu naye yalina ebisibo by'endiga
n'amagana g'ente n'ab'enju ye nga bangi,

---

* **12:9** Negevu kitegeeza ensi enkalu, era lwe lusenyi oludda mu bukiikaddyo obwa Yerusaalemi n'okudda mu ddungu. † **12:10** Misiri teyakosebwa kyeya, kubanga baalina enzizi ezaafukiriranga ebirime byabwe.

6 ekitundu mwe baali nga tekibamala bombi. Obugagga bwabwe bwali
bungi nnyo,
7 ate nga n'abasumba baabwe bayombagana. Mu kiseera ekyo
Abakanani n'Abaperezi nabo baabanga mu nsi omwo.
8 Awo Ibulaamu n'agamba Lutti nti, "Tewasaana kubaawo kuyomba-
gana wakati wange naawe, wadde wakati w'abalunzi bo n'abange,
kubanga tuli baaluganda.
9 Ensi yonna teri mu maaso go? Leka twawukane. Bwonoolonda oluuyi
olwa kkono, nze n'alaga ku luuyi olwa ddyo, bw'onoolaga ku luuyi olwa
ddyo nze n'alaga ku luuyi olwa kkono."
10 Lutti n'ayimusa amaaso ge, n'alaba ekiwonvu kya Yoludaani nga
kirungi, nga kirimu amazzi buli wantu nga kifaanana ng'ennimiro ya
MUKAMA; nga kiri ng'ensi ya Misiri ku luuyi olwa Zowaali. Kino kyaliwo
nga MUKAMA tannazikkiriza Sodomu ne Ggomola.
11 Bw'atyo Lutti ne yeeronderawo olusenyi lwa Yoludaani n'agenda ku
luuyi olw'ebuvanjuba; bwe batyo ne baawukana.
12 Ibulaamu n'abeera mu nsi ya Kanani, ye Lutti n'abeera mu bibuga
eby'omu lusenyi n'atwala eweema ye n'agisimba okumpi ne Sodomu.
13 Abasajja aba Sodomu baali babi era nga boonoonyi nnyo eri MUKAMA.
14 MUKAMA n'agamba Ibulaamu ng'amaze okwawukana ne Lutti nti,
"Yimusa amaaso go ng'osinziira mu kifo mw'oli, otunule ku bukiikakkono,
ne ku bukiikaddyo, n'ebuvanjuba n'ebugwanjuba;
15 kubanga ensi gy'olaba ndigikuwa ggwe n'ezzadde lyo emirembe
gyonna.
16 Ndyaza ezzadde lyo ng'enfuufu ey'oku nsi; omuntu bw'alisobola
okubala enfuufu ey'oku nsi, n'ezzadde lyo aliribala.
17 Situka, tambula obuwanvu n'obukiika obw'ensi kubanga
ngikuwadde."
18 Awo Ibulaamu n'asimbula eweema ye n'agenda n'abeera okumpi
n'emivule gya Mamule, ekiri e Kebbulooni, n'azimbira eyo MUKAMA
ekyoto.

# 14

*Olutalo ne Bakabaka*

1 Mu biro bya Amulafeeri kabaka wa Sinaali,* ne Aliyooki kabaka
wa Erasali, ne Kedolawomeeri kabaka wa Eramu ne Tidali kabaka wa
Goyiyimu,
2 bakabaka bano ne balumba ne balwana ne Bbeera kabaka wa Sodomu,
ne Bbiruusa kabaka wa Ggomola, ne Sinaabu kabaka wa Aduma, ne
Semebeeri kabaka wa Zeboyiyimu ne kabaka wa Bera, ye Zowaali.
3 Bano bonna abooluvannyuma ne beegatta wamu mu kiwonvu kya
Sidimu (y'Ennyanja ey'Omunnyo).
4 Baamala emyaka kkumi n'ebiri nga baweereza Kedolawomeeri kabaka
we Eramu, naye mu mwaka ogw'ekkumi n'esatu ne bamujeemera.
5 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ena Kedolawomeeri ne bakabaka abaali
naye ne balumba Abaleefa† mu Asuterosikalumayimu ne babawangula,
n'Abazuuzi mu Kaamu, n'Abemi mu Savekiriyasayimu,
6 n'Abakooli mu nsi ey'ensozi eya Seyiri n'okutuukira ddala Erupalaani
okumpi n'eddungu.

* 14:1 Sinaali ye Babulooni † 14:5 Abaleefa kitegeeza Agantu aganene ennyo.

7 Ate ne bakyuka ne bajja e Nuumisupaati, ye Kadesi ne bawangula ensi
yonna ey’Abamaleki n’Abamoli abaabeeranga mu Kazazonutamali.
8 Awo kabaka wa Sodomu ne kabaka wa Ggomola, ne kabaka wa Aduma,
ne kabaka wa Zeboyiyimu ne kabaka wa Bera, ye Zowaali ne beegatta mu
lutalo mu kiwonvu ky’e Sidimu
9 okulwanyisa Kedolawomeeri kabaka wa Eramu, ne Tidali kabaka wa
Goyiyimu ne Amulafeeri kabaka wa Sinaali awamu ne Aliyooki kabaka wa
Erasali, bakabaka bana nga balwanyisa bakabaka bataano.
10 Ekiwonvu ky’e Sidimu kyali kijjudde ebinnya ebirimu kolaasi; bak-
abaka b’e Sodomu ne Ggomola bwe baddukanga ng’abamu babigwamu,
n’abalala ne baddukira ku nsozi.
11 Awo bakabaka abana ne batwala ebintu byonna ebyali mu Sodomu
ne Ggomola, n’emmere yaabwe yonna gye baalina ne bagenda.
12 Era ne batwala ne Lutti, mutabani wa muganda wa Ibulaamu eyali
mu Sodomu, n’ebintu bye ne bagenda nabyo kubanga naye yali abeera
mu Sodomu.

### *Ibulaamu Awonya Lutti*

13 Awo Omwamoli omu eyali abadduseeko n’ajja n’ategeeza Ibulaamu
Omwebbulaniya, eyali abeera okumpi n’emivule gya Mamule, muganda
wa Esukoli ne Aneri abaalina endagaano ne Ibulaamu.
14 Ibulaamu bwe yawulira nti muganda we atwalibbwa nga munyage,
n’akulembera basajja be abatendeke, abazaalirwa mu nnyumba ye,
ebikumi bisatu mu kkumi na munaana, ne bawondera abaatwala Lutti
okutuuka e Ddaani.
15 Mu kiro n’ayawulamu eggye lye, n’abalumba, ye n’abaddu be ne
bagoberera abantu bali okutuuka e Kkoba, ku luuyi olw’obukiikakkono
obwa Damasiko.
16 Awo n’akomyawo ebintu byonna, era n’akomyawo ne muganda we
Lutti n’ebintu bye n’abakazi n’abantu bonna.

### *Merukizeddeeki Asabira Ibulaamu Omukisa*

17 Ibulaamu bwe yakomawo ng’amaze okuwangula Kedolawomeeri ne
bakabaka abaali naye, kabaka wa Sodomu n’afuluma okumusisinkana mu
kiwonvu ky’e Save (kye kiwonvu kya kabaka).
18 Ne Merukizeddeeki kabaka wa Ssaalemi‡ eyali kabona wa Katonda Ali
Waggulu Ennyo n’aleeta omugaati n’envinnyo.
19 N’asabira Ibulaamu omukisa ng’agamba nti,
“Katonda Ali Waggulu Ennyo
Omutonzi w’eggulu n’ensi awe Ibulaamu omukisa.
20 Era Katonda Ali Waggulu Ennyo agulumizibwe
agabudde abalabe bo mu mikono gyo.”
Awo Ibulaamu n’amuwa ekitundu eky’ekkumi ekya buli kimu.
21 Ne kabaka wa Sodomu n’agamba Ibulaamu nti, “Mpa abantu, gwe
otwale ebintu.”
22 Naye Ibulaamu n’addamu kabaka wa Sodomu nti, “Ndayira MUKAMA
Katonda Ali Waggulu Ennyo, Omutonzi w’eggulu n’ensi,
23 sijja kutwala wadde akawuzi oba akakoba akasiba engatto, oba ekintu
kyonna ekikyo, oleme okugamba nti, ‘Ngaggawazza Ibulaamu.’
24 Sijja kubaako kye ntwala; okuggyako ebyo abavubuka bye balidde,
n’omugabo gw’abasajja abaagenda nange; leka Aneri ne Esukoli ne
Mamule bo batwale omugabo gwabwe.”

---

‡ **14:18** Ssaalemi lye liyinzika okuba nga ly’erinnya ekkadde erya Yerusaalemi.

# 15

### *Endagaano ya MUKAMA ne Ibulaamu*

1 Ebyo nga biwedde, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa nti,

“Totya Ibulaamu,
Nze ngabo yo
era empeera yo ennene ennyo.”

2 Naye Ibulaamu n’addamu nti, “Kiki ky’olimpa Ayi MUKAMA Katonda,
kubanga sirina mwana, n’omusika w’ennyumba yange ye Eryeza ow’omu
Ddamasiko?”
3 Ibulaamu ne yeeyongera n’agamba nti, “Laba tompadde mwana;
omuddu eyazaalibwa mu nnyumba yange ye musika wange.”

4 Laba ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira nti, “Omusajja oyo tagenda
kuba musika wo; mutabani wo, y’aliba omusika wo.”
5 N’amufulumya ebweru n’amugamba nti, “Tunuulira eggulu, obale
emunyeenye, obanga osobola okuzibala.” Awo n’amugamba nti,
“N’ezzadde lyo bwe liriba bwe lityo.”

6 Ibulaamu n’akkiriza MUKAMA, n’akimubalira okuba obutuukirivu.
7 N’amugamba nti, “Nze MUKAMA eyakuggya mu Uli ensi
ey’Abakaludaaya, nkuwe ensi eno ebeere yiyo.”
8 Ibulaamu n’addamu nti, “Ayi MUKAMA nnaamanya ntya nti eriba
yange?”
9 MUKAMA n’amuddamu nti, “Ndeetera ennyana eyaakamala emyaka
esatu, embuzi ey’emyaka esatu, endiga ensajja ey’emyaka esatu, kaa-
mukuukulu n’ejjiba.”

10 Ibulaamu n’abireeta byonna n’abisalamu wakati n’ateeka buli ki-
tundu kungulu ku kinnaakyo, naye ebinyonyi byo teyabisalamu bitundu
nga biri.
11 Ensega bwe zajja okubirya, Ibulaamu n’azigoba.

12 Enjuba yali egwa, Ibulaamu ne yeebaka otulo tungi; era laba, ekizikiza
ekingi eky’amaanyi ne kimubuutikira.
13 Awo MUKAMA n’agamba Ibulaamu nti, “Manyira ddala nti ezzadde
lyo baliba batambuze mu nsi eteri yaabwe, era baliba baddu eyo,
balibonyaabonyezebwa eyo okumala emyaka ebikumi bina.
14 Naye ndibonereza eggwanga lye balikolera n’oluvannyuma balivaayo
n’obugagga bungi.
15 Naye ggwe oligenda mirembe eri bajjajjaabo; oliziikibwa
ng’owangaalidde ddala nnyo.
16 Era balikomawo wano mu mulembe ogwokuna; kubanga obutali
butuukirivu bw’Omwamoli tebunnayitirira.”

17 Enjuba bwe yagwa ng’ekizikiza kikutte, laba, ensuwa eyaka omuliro
era enyooka omukka n’ekimulisa ne biyita wakati w’ebitundu bino.
18 Ku lunaku olwo MUKAMA n’akola endagaano ne Ibulaamu ng’agamba
nti, “Ezadde lyo ndiwa ensi eno, okuva ku mugga ogw’e Misiri okutuuka
ku mugga omunene, omugga Fulaati:
19 Omukeeni, n’Omukenizi, n’Omukadumoni,
20 n’Omukiiti, n’Omuperizi, n’Abaleefa,
21 n’Omwamoli, n’Omukanani, n’Omugirugaasi n’Omuyebusi, mbagab-
ula mu mukono gwo.”

# 16

### *Ibulaamu ne Agali*

1 Salaayi mukyala wa Ibulaamu yali teyamuzaalira mwana;
2 Salaayi n'agamba Ibulaamu nti, "Laba MUKAMA tampadde mwana; weebake n'omuweereza wange, oboolyawo nnyinza okufuna abaana mu ye."

Awo Ibulaamu n'awulira eddoboozi lya Salaayi.*
3 Bw'atyo Ibulaamu bwe yali yaakamala emyaka kkumi mu nsi ya Kanani, Salaayi mukazi we n'addira Agali Omumisiri, omuweereza we n'amuwa Ibulaamu abeere mukazi we.
4 Ibulaamu ne yeegatta ne Agali, Agali n'aba olubuto.

Agali bwe yalaba ng'ali lubuto, n'anyooma Salaayi, mugole we.
5 Salaayi n'agamba Ibulaamu nti, "Ekibi ekinkoleddwako kibeere ku ggwe. Nakuwa omuweereza wange mu kifuba kyo naye bw'alabye ng'ali lubuto n'annyooma. MUKAMA atulamule nze naawe!"
6 Naye Ibulaamu n'agamba Salaayi nti, "Laba, omuweereza wo ali mu buyinza bwo; mukole nga bw'oyagala." Awo Salaayi natandika okubonyaabonya Agali; Agali n'adduka okuva w'ali.

### *Agali ne Isimayiri*

7 Malayika wa MUKAMA n'amusanga ku nsulo y'amazzi mu ddungu, ensulo y'amazzi eri ku kkubo eriraga e Ssuuli.
8 N'agamba nti, "Agali, omuweereza wa Salaayi, ovudde wa era ogenda wa?" N'amuddamu nti, "Nziruka mugole wange Salaayi."
9 Malayika wa MUKAMA n'amugamba nti, "Ddayo eri mugole wo omugondere."
10 Era Malayika n'amugamba nti, "Ezadde lyo ndiryaza waleme kubeerawo asobola kulibala."
11 Ate malayika wa MUKAMA n'amugamba nti,
"Laba, olina omwana mu nda yo,
aliba wabulenzi,
olimutuuma Isimayiri,
kubanga MUKAMA ategedde okubonaabona kwo.
12 Aliba ng'entulege,
anaalwananga na buli muntu
era na buli muntu anaalwananga naye,
era anaabanga mu bulabe
ne baganda be."
13 Awo n'akoowoola erinnya lya MUKAMA eyayogera naye, n'agamba nti, "Oli Katonda alaba", kubanga yagamba nti, "Ndabidde ddala Katonda ne nsigala nga ndi mulamu nga maze okumulaba."
14 Oluzzi kye lwava luyitibwa Beerirakayiro, luli wakati wa Kadesi ne Beredi.
15 Awo Agali n'azaalira Ibulaamu omwana owoobulenzi, Ibulaamu n'atuuma mutabani wa Agali gwe yamuzaalira, erinnya Isimayiri.
16 Ibulaamu yali wa myaka kinaana mu mukaaga Agali bwe yamuzaalira Isimayiri.

---

* **16:2** Obugumba kyatwalibwanga okuba ekibonerezo okuva eri Katonda. Era empisa mu biro ebyo yakkirizanga omukazi omugumba okulondera bba omuwala, bba gw'ayinza okuzaalako abaana. Abaana abo baabanga ba mukazi omugumba.

# 17

### *Endagaano y'Okukomola*

1 Ibulaamu bwe yaweza emyaka kyenda mu mwenda, MUKAMA n'amulabikira, n'amugamba nti, "Ndi Katonda Ayinzabyonna, tambulira mu maaso gange obe nga toliiko kya kunenyezebwa.
2 Ndikola endagaano yange naawe era ndikwaliza ddala nnyo."
3 Awo Ibulaamu n'avuunama; Katonda n'amugamba nti,
4 "Laba, ndikola naawe endagaano, era onoobeeranga kitaawe w'amawanga mangi.
5 Erinnya lyo tokyayitibwa Ibulaamu, wabula onooyitibwanga Ibulayimu, kubanga nkufudde kitaawe w'amawanga mangi.
6 Ndikwaza nnyo nnyini; era ndikufuula amawanga, ne bakabaka baliva mu ggwe.
7 Era ndituukiriza endagaano yange naawe, n'ezzadde lyo mbeere Katonda wo era Katonda w'ezzadde lyo eririddawo. Endagaano eno teriggwaawo emirembe n'emirembe.
8 Era ndikuwa ggwe n'ezzadde lyo eririddawo ensi mw'obadde omusenze, ensi yonna eya Kanani, okuba eyiyo emirembe gyonna; era ndiba Katonda waabwe."
9 Awo Katonda n'agamba Ibulayimu nti, "Ggwe ky'olina okukola kwe kukwata endagaano yange, ggwe n'ezzadde lyo eririddawo emirembe gyabwe gyonna.
10 Eno y'endagaano yange naawe n'ezzadde lyo eririddawo, gy'onookuumanga: Buli musajja mu mmwe anaakomolebwanga.
11 Munaakomolebwanga ekikuta eky'omubiri gwammwe, ekyo kibeere akabonero ak'endagaano yange naawe.
12 Buli mwana owoobulenzi anaawezanga ennaku omunaana ez'obukulu mu mmwe mu mirembe gyammwe gyonna anaakomolebwanga,
13 oyo azaaliddwa mu nnyumba yo oba gw'oguze n'ensimbi zo okuva ku munnaggwanga anaakomolebwanga. Endagaano yange eteriggwaawo eneebanga mu mubiri gwo.
14 Omwana owoobulenzi yenna atali mukomole, atakomolebbwa kikuta kya mubiri gwe, taabalibwenga mu bantu be, aba amenye endagaano yange."

### *Ekisuubizo eri Salaayi*

15 Katonda n'agamba Ibulayimu nti, "Era Salaayi mukazi wo, tokyamuyita Salaayi, erinnya lye linaabanga Saala.
16 Ndimuwa omukisa, era ndikuwa omwana owoobulenzi mu ye. Ndimuwa omukisa, alibeera jjajja w'amawanga, bakabaka baamawanga baliva mu ye."
17 Awo Ibulayimu n'avuunama n'aseka, n'agamba munda ye nti, "Omwana alizaalirwa oyo eyaakamala emyaka ekikumi? Saala ow'emyaka ekyenda alizaala omwana?"
18 Ibulayimu n'agamba Katonda nti, "Isimayiri abeerenga mulamu mu maaso go!"
19 Katonda n'amugamba nti, "Nedda, naye Saala mukazi wo alikuzaalira omwana owoobulenzi, olimutuuma erinnya Isaaka. Ndinyweza endagaano yange naye okuba endagaano etaliggwaawo ku zadde lye eririddawo.

[20] Ku Isimayiri nkuwulidde: Laba, ndimuwa omukisa, alyeyongera,
ndimwaliza ddala nnyo, aliba jjajja w'abalangira kkumi na babiri, era
ndimufuula eggwanga ery'amaanyi.
[21] Kyokka ndinyweza endagaano yange ne Isaaka, Saala gw'alikuzaalira
mu kiseera nga kino omwaka ogujja."
[22] Katonda bwe yamala okwogera naye, Ibulayimu n'ava we yali.
[23] Awo Ibulayimu n'atwala Isimayiri mutabani we n'abaddu bonna
abaazaalirwa mu nnyumba ye n'abo abaagulibwa n'ensimbi ze, buli
musajja yenna mu nnyumba ya Ibulayimu n'akomolwa buli omu ekikuta
ky'omubiri gwe ku lunaku olwo lwennyini, nga Katonda bwe yamugamba.
[24] Ibulayimu yali aweza emyaka kyenda mu mwenda bwe yakomolebwa
ekikuta ky'omubiri gwe.
[25] Ne Isimayiri mutabani we yali wa myaka kkumi n'esatu bwe
yakomolebwa ekikuta ky'omubiri gwe.
[26] Ku lunaku olwo lwennyini Ibulayimu ne mutabani we Isimayiri lwe
baakomolebwa.
[27] N'abasajja bonna mu nnyumba y'abo abazaalirwamu n'abo abaag-
ulibwa n'ensimbi ze okuva eri munnaggwanga, baakomolebwa wamu
naye.

# 18

### *Ibulayimu n'Abagenyi Abasatu*

[1] Awo MUKAMA n'alabikira Ibulayimu mu mivule gya Mamule, mu ttuntu
ng'atudde mu mulyango gwa weema ye.
[2] Bwe yasitula amaaso ge n'alaba, era laba, abasajja basatu nga
bayimiridde mu maaso ge. Bwe yabalaba, n'adduka okuva mu mulyango
gwa weema ye, okubasisinkana n'agwa wansi,
[3] n'agamba nti, "Mukama wange obanga ndabye ekisa mu maaso go,
toyita ku muddu wo.
[4] Leka tuleete otuzzi munaabe ku bigere, muwummuleko wano wansi
w'omuti,
[5] nga bwe ndeeta omugaati mulyeko muddemu amaanyi, mulyoke
mugende, anti muzze eri muddu wammwe."
Ne bamugamba nti, "Kola nga bw'ogambye."
[6] Ibulayimu n'ayanguwa okugenda eri Saala, n'amugamba nti, "Teeka-
teeka mangu kilo kkumi na mukaaga ez'obutta okande ofumbire mangu
abagenyi emmere."
[7] Ibulayimu n'agenda bunnambiro mu kisibo n'aggyamu ennyana, ento
era ennungi n'agiwa omu ku bavubuka* eyayanguwa okugifumba.
[8] Awo n'addira omuzigo n'amata n'ennyana eyafumbibwa n'abiteeka
mu maaso gaabwe; n'ayimirira we baali, wansi w'omuti nga balya.
[9] Ne bamubuuza nti, "Saala mukyala wo ali ludda wa?" N'addamu nti,
"Ali mu weema."
[10] Awo omu ku bo n'amugamba nti, "Ddala ndikomawo gy'oli mu kiseera
nga kino, era Saala mukazi wo alizaala omwana owoobulenzi."
Ne Saala yali awuliriza ng'ali mu mulyango gwa weema emabega we.
[11] Mu kiseera kino Ibulayimu ne Saala baali bakaddiye nnyo nga Saala
takyali na mu nsonga z'abakazi.
[12] Awo Saala n'asekera muli ng'agamba nti, "Nga nkaddiye, nga ne baze
akaddiye, ndisanyusibwa?"

* **18:7** Akyayinza okuba nga yali Isimayiri

[13] MUKAMA n'abuuza Ibulayimu nti, "Lwaki Saala asese ng'agamba nti,
'Ndiyinza okuzaala omwana nga nkaddiye?'
[14] Waliwo ekirema MUKAMA? Omwaka ogujja, mu kiseera kyennyini,
ndikomawo gy'oli, ne Saala alizaala omwana owoobulenzi."
[15] Naye Saala ne yeegaana ng'agamba nti, "Si sese," kubanga yali atidde.
N'amuddamu nti, "Nedda osese."

### *Ibulayimu Yeegayiririra Sodomu*

[16] Awo abasajja bwe bavaayo ne bagenda, ne boolekera oluuyi lwa
Sodomu[†]; Ibulayimu n'abawerekerako.
[17] MUKAMA n'agamba mu mutima gwe nti, "Ibulayimu namukweka kye
ŋŋenda okukola?
[18] Ibulayimu agenda kufuuka eggwanga eddene, ery'amaanyi, era mu
ye, amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa.
[19] Mmulonze alagire abaana be n'abantu be abaliddawo okukwatanga
ekkubo lya MUKAMA nga bakola eby'obutuukirivu era nga ba mazima,
MUKAMA alyoke atuukirize ekyo kye yasuubiza Ibulayimu."
[20] Awo MUKAMA n'agamba nti, "Olw'okunkaabirira okusukkiridde
olw'ebibi bya Sodomu ne Ggomola ebingi ennyo,
[21] nzija kukka ndabe obanga ddala bakozi ba bibi ng'okunkaabirira
olw'ebibi byabwe okutuuse gye ndi bwe kuli, era obanga si bwe kiri
nnaamanya."
[22] Awo abasajja ne bakyuka okuva awo, ne batambula okwolekera
Sodomu; naye Ibulayimu n'asigala ng'akyayimiridde mu maaso ga
MUKAMA.
[23] Awo Ibulayimu n'amusemberera n'agamba nti, "Ddala olizikiriza
abatuukirivu awamu n'ababi?
[24] Singa mu kibuga mulimu abatuukirivu amakumi ataano onookiziki-
riza n'otokisonyiwa olw'abatuukirivu amakumi ataano abakirimu?
[25] Kireme okuba gy'oli okukola ekintu bwe kityo, okutta abatuukirivu
awamu n'ababi, abatuukirivu ne benkana n'ababi! Kireme kuba bwe
kityo! Omulamuzi ow'ensi yonna teyandisaanye akole kituufu?"
[26] MUKAMA n'agamba nti, "Bwe nnaasanga mu Sodomu abatuukirivu
amakumi ataano mu kibuga omwo nzija kusonyiwa ekibuga kyonna ku
lwabwe."
[27] Ibulayimu n'addamu nti, "Laba nnyinziza okwogera ne Mukama, nze
ani, nze enfuufu n'evvu!
[28] Singa abatuukirivu babulako bataano okuwera amakumi ataano,
onoozikiriza ekibuga kubanga kubulako bataano?"
N'amuddamu nti, "Sijja kukizikiriza, bwe nnaasangamu abatuukirivu
amakumi ana mu abataano abampulira."
[29] Ate Ibulayimu n'amugamba nti, "Singa musangibwamu amakumi
ana."
N'amuddamu nti, "Ku lw'amakumi ana sijja kukizikiriza."
[30] Ate n'agamba nti, "Kale nno Mukama aleme okunsunguwalira, nange
nnaayogera. Singa musangibwamu amakumi asatu."
N'addamu nti, "Sijja kukizikiriza singa musangibwamu amakumi
asatu."
[31] N'agamba nti, "Laba ŋŋumye ne njogera ne Mukama. Singa
musangibwamu amakumi abiri."
N'agamba nti, "Ku lw'amakumi abiri sijja kukizikiriza."

---

[†] **18:16** Sodomu kikyali mu kifo kye kimu we kyabeeranga, okudda mu bukiikaddyo bw'Ennyanja ey'Omunnyo

32 Ate n'agamba nti, "Kale Mukama aleme okukwatibwa obusungu,
nnaayongera okwogera, naye luno lwokka. Singa kkumi lye linaasangibwamu."

N'addamu nti, "Ku lw'abo ekkumi sijja kukizikiriza."

33 MUKAMA bwe yamala okwogera ne Ibulayimu n'agenda, ne Ibulayimu
n'addayo ewuwe.

# 19

*Sodomu ne Ggomola*

1 Bamalayika ababiri ne batuuka mu Sodomu akawungeezi; Lutti yali
atudde mu mulyango gwa Sodomu. Lutti bwe yabalaba n'agolokoka
okubasisinkana, n'avuunama,
2 n'agamba nti, "Bakama bange mukyame mu nnyumba y'omuddu
wammwe munaabe ku bigere, mbegayiridde n'okusula musule. Munaazuukuka mangu ku makya ne mukwata ekkubo lyammwe."

Ne bagamba nti, "Nedda tunaasula mu luguudo."

3 Naye n'abawaliriza nnyo; awo ne bakyama ne bajja gy'ali ne bayingira
mu nnyumba ye, n'abategekera ekijjulo n'emigaati egitali mizimbulukuse
ne balya.
4 Naye nga tebannaba kugenda kwebaka, abasajja ab'omu kibuga,
abasajja ba Sodomu, abakulu n'abato, abantu bonna ne beetooloola
ennyumba;
5 ne bayita Lutti nga bagamba nti, "Abasajja abazze gy'oli ekiro kino bali
ludda wa? Batufulumize twebake nabo."
6 Lutti n'afuluma gye bali, n'aggalawo oluggi,
7 n'abagamba nti, "Baganda bange mbasaba temukola kibi kifaanana
bwe kityo.
8 Laba, nnina bawala bange embeerera babiri, ka mbabafulumize,
mubakole kye mwagala; naye temubaako kye mukola basajja bano,
bagenyi bange era nze mbalabirira."
9 Naye ne bamugamba nti, "Tuviire! Omusajja omugwira ono, ate kati
y'atulagira eky'okukola! Nedda, tujja kukukolako n'okusinga abagenyi
bo." Awo ne banyigiriza nnyo Lutti, era kaabula kata bamenye n'oluggi.
10 Naye abasajja ababiri abaali mu nnyumba ne bagolola emikono
gyabwe ne bakwata Lutti ne bamuyingiza mu nnyumba ne baggalawo
oluggi.
11 Ne baziba amaaso g'abasajja abaali ebweru ku luggi lw'ennyumba,
abato n'abakulu, ne bakoowa nga bawammanta oluggi.
12 Awo abasajja bali ababiri ne babuuza Lutti nti, "Olina abantu bo
abalala wano, batabani bo, oba bakoddomi bo, oba bawala bo, oba omuntu
omulala yenna mu kibuga? Bafulumye mu kifo kino;
13 kubanga tuli kumpi okukizikiriza. Kubanga okukaaba olw'abantu
baamu eri MUKAMA kuyitiridde, era atutumye okukizikiriza."
14 Awo Lutti n'afuluma n'ategeeza bakoddomi be abaali ab'okuwasa
bawala be ng'agamba nti, "Musituke, muve mu kifo kino, kubanga
MUKAMA ali kumpi kukizikiriza." Naye yafaanana ng'abalaata eri
bakoddomi be. Lutti n'ab'ennyumba ye ne badduka.
15 Naye obudde bwe bwali bunaatera okukya, bamalayika ne balagira
Lutti nga bagamba nti, "Golokoka, otwale mukazi wo ne bawala bo ababiri
abali wano muleme okuzikirira ng'ekibuga kibonerezebwa."

16 Naye bwe yali akyekunya, abasajja ne bamukwata omukono,
n'emikono gya mukazi we, n'emikono gy'abawala be bombi, MUKAMA
ng'abakwatirwa ekisa, ne babafulumya ne babateeka ebweru w'ekibuga.
17 Bwe baabafulumya ne babagamba nti, "Mudduke muwonye obulamu
bwammwe, temutunula mabega wadde okuyimirira mu kiwonvu; mud-
dukire ku nsozi, muleme okuzikirizibwa."
18 Awo Lutti n'abagamba nti, "Nedda bakama bange;
19 Laba, omuddu wammwe alabye ekisa mu maaso gammwe, era
mundaze ekisa kingi nga muwonya obulamu bwange; naye siyinza
kuddukira ku nsozi akabi tekalwa kunzingiza ne nfa.
20 Laba, ekibuga kiri ekitono ekiri okumpi, kirungi okuddukira omwo.
Leka nzirukire eyo. Era n'obulamu bwange bujja kuwona!"
21 N'amuddamu nti, "Laba, era nnyongedde okukukwatirwa ekisa, sijja
kumalawo kibuga ky'oyogeddeko.
22 Yanguwa tolwa, ddukira eyo; kubanga siriiko kye nnaakola nga
tonnatuuka eyo." Erinnya ly'ekibuga kyeryava liba Zowaali.
23 Lutti we yatuukira mu Zowaali enjuba yali evuddeyo, Sodomu ne
Ggomola ne bizikirizibwa.
24 Awo MUKAMA n'atonnyesa ku Sodomu ne Ggomola omuliro
n'obuganga okuva mu ggulu;
25 n'azikiriza ebibuga ebyo, n'ekiwonvu kyonna n'abantu bonna abaali
mu bibuga, ne buli kintu ekyalimu.
26 Naye mukazi wa Lutti bwe yatunula emabega, n'afuuka empagi
ey'omunnyo.
27 Awo ku makya ennyo Ibulayimu n'agenda mu kifo mwe yayimiririra
mu maaso ga MUKAMA;
28 n'atunula wansi okwolekera Sodomu ne Ggomola n'okwolekera
ekitundu kyonna eky'olusenyi, n'alaba, era laba, ekitundu kyonna nga
kijjudde omukka.
29 Bwe kityo bwe kyali Katonda bwe yazikiriza ebibuga eby'omu
kiwonvu. Katonda n'ajjukira Ibulayimu n'afulumya Lutti ebweru
n'amuggya wakati mu kuzikirizibwa, bwe yazikiriza ebibuga Lutti mwe
yabeeranga.

### *Ekibi kya Bawala ba Lutti*

30 Awo Lutti n'ava mu Zowaali, n'abeera mu nsozi wamu ne bawala be,
kubanga yatya okubeera mu Zowaali. Ye ne bawala be ne babeera mu
mpuku.
31 Olunaku lumu omuwala omukulu n'agamba muto we nti, "Kitaffe
akaddiye era tewali na musajja ku nsi ajja kutwagala ng'empisa y'ensi
bw'eri.
32 Jjangu tunywese kitaffe omwenge, tulyoke twebake naye, tusobole
okufuna ezzadde nga liva mu kitaffe."
33 Ne batamiiza kitaabwe ekiro ekyo, omukulu n'agenda ne yeebaka ne
kitaawe, Lutti n'atamanya bwe yeebaka yadde bwe yagolokoka.
34 Ku lunaku olwaddirira, omuwala omukulu n'agamba omuto nti,
"Laba, ekiro neebase ne kitange; Leka tumunywese omwenge ekiro kino,
oyingire gy'ali weebake naye, tulyoke tusobole okukuuma ezzadde mu
kitaffe."
35 Awo ne batamiiza kitaabwe ekiro ekyo, omuwala omuto n'asituka ne
yeebaka naye, Lutti n'atamanya bwe yeebase ne bw'agolokose.

36 Bwe batyo bawala ba Lutti bombi buli omu n'aba olubuto nga lwa
kitaabwe.
37 Omuwala omukulu n'azaala omwana wabulenzi n'amutuuma
Mowaabu, ye jjajja w'Abamowaabu abaliwo kaakano.
38 Omuto naye n'azaala omwana mulenzi n'amutuuma Benami, ye
yavaamu Abamoni abaliwo ne kaakano.

# 20

### *Abimereki Atwala Mukazi wa Ibulayimu*

1 Ibulayimu bwe yava eyo n'atambula okwolekera Negevu, n'abeera
wakati wa Kadesi ne Ssuuli; n'agenda mu Gerali.
2 Ibulayimu n'ayogera ku Saala mukazi we nti, "Mwannyinaze."
Abimereki kabaka we Gerali n'atumya n'atwala Saala.
3 Naye Katonda n'ajja eri Abimereki mu kirooto ekiro n'amugamba nti,
"Laba oli mufu, olw'omukazi gw'otutte kubanga muka musajja."
4 Naye Abimereki yali tanneebaka naye, n'alyoka agamba nti, "Onotta
abantu abataliiko musango.
5 Si yeyaŋŋamba nti, 'Mwannyinaze?' Era ne Saala n'aŋŋamba nti,
'Mwannyina.' Kino nkikoze mu mutima omutuukirivu n'emikono gyange
tegiriiko musango."
6 Awo Katonda n'ayogera naye mu kirooto nti, "Ddala mmanyi nti okoze
kino mu mutima omutuukirivu, era nze nakukuuma oleme okwonoona
gye ndi; ne nkuziyiza okumukwatako.
7 Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja, kubanga nnabbi, era
anaakusabira, nawe on'oba mulamu. Naye bw'otomuzzeeyo, manya
ng'ojja kufa, ggwe ne by'olina byonna."

### *Okwegayirira kw'Abimereki eri Ibulayimu*

8 Awo Abimereki n'agolokoka mu makya ennyo n'ayita abakungu be
bonna n'abategeeza ebintu bino byonna; abasajja ne batya nnyo.
9 Awo Abimereki n'ayita Ibulayimu n'amugamba nti, "Otukoze ki?
Era nsobi ki gye nkukoze, n'ondeetera nze n'obwakabaka bwange ekibi
ekinene ekyenkana awo? By'onkoze tebisaana kukolebwa muntu."
10 Era Abimereki n'agamba Ibulayimu nti, "Wali olowooza ki okukola
ekintu kino?"
11 Ibulayimu n'addamu nti, "Nakikola kubanga nalowooza nti mu kifo
kino temuliimu kutya Katonda n'akamu, era balinzita olwa mukazi wange.
12 Naze ebyo nga biri awo ddala mwannyinaze, muwala wa kitange, naye
si muwala wa mmange; era yafuuka mukazi wange.
13 Katonda bwe yandeeta okuva mu nnyumba ya kitange, ne mugamba
nti, 'Eky'ekisa ky'oyinza okunkolera kye kino, buli kifo kye tutuukamu
njogeraako nti ndi mwannyoko.' "
14 Awo Abimereki n'atwala endiga n'ente, abaweereza abasajja
n'abaweereza abakazi, n'abiwa Ibulayimu, n'amuddiza Saala mukyala we.
15 Era Abimereki n'amugamba nti, "Laba ensi yange eri mu maaso go,
beera w'oyagala."
16 N'agamba ne Saala nti, "Laba mpadde mwannyoko ebitundu bya
ffeeza lukumi, okukumalako ensonyi mu maaso gaabo bonna abali
naawe."

17 Awo Ibulayimu n'asabira Abimereki eri Katonda, ne Katonda
n'awonya Abimereki era n'awonya ne mukazi we; n'abaweereza be
abakazi ne balyoka bazaala abaana.
18 Kubanga MUKAMA yali aggalidde embuto z'ab'omu nnyumba
y'Abimereki olwa Saala mukazi wa Ibulayimu.

## 21

### *Okuzaalibwa kwa Isaaka*

1 Awo MUKAMA n'akwatirwa Saala ekisa nga bwe yagamba Ibulayimu,
era n'akolera Saala kye yasuubiza.
2 Saala n'aba olubuto, n'azaalira Ibulayimu omwana owoobulenzi mu
bukadde bwe, mu kiseera Katonda kye yamugamba.
3 Ibulayimu n'atuuma omwana owoobulenzi, eyamuzaalirwa Saala,
erinnya Isaaka.
4 Ibulayimu n'akomola mutabani we Isaaka ow'ennaku omunaana
ez'obukulu nga Katonda bwe yamulagira.
5 Ibulayimu yali aweeza emyaka kikumi mutabani we Isaaka bwe
yazaalibwa.
6 Saala n'agamba nti, "Katonda andeetedde okusekererwa, buli
anaawulira anansekerera."
7 Era n'agamba nti, "Ani yandirowoozezza nti Saala alifuna omwana?
Naye, laba mmuzaalidde omwana wabulenzi."

### *Agali ne Isimayiri Bagobwa*

8 Isaaka n'akula, n'aggyibwa ku mabeere, Ibulayimu n'afumba embaga
ennene ku lunaku Isaaka lwe yaggyibwa ku mabeere.*
9 Naye Saala yalaba nga mutabani wa Agali Omumisiri, gwe yazaalira
Ibulayimu ng'azannya ne mutabani we Isaaka.
10 N'alyoka agamba Ibulayimu nti, "Goba omuweereza ono ne mutabani
we, kubanga omwana w'omuweereza ono talisikira wamu na mwana
wange Isaaka."
11 Naye ekyo Ibulayimu n'atakisiima.
12 Katonda n'agamba Ibulayimu nti, "Tonakuwala olw'omulenzi
n'olw'omuweereza wo omukazi, buli Saala ky'akugamba kikole; kubanga
mu Isaaka mwe ndituukiririza ebyo byonna bye nakusuubiza.
13 Era n'omwana w'omuweereza wo omukazi ndimufuula eggwanga,
kubanga ava mu ggwe."
14 Ibulayimu n'agolokoka ku makya ennyo, n'addira omugaati
n'ensawo ey'amazzi n'abiwa Agali n'omwana gwe yazaala ng'abiteeka ku
kibegabega kye, n'amusiibula. Agali n'agenda ng'atambulatambula mu
ddungu lya Beeruseba.

### *Agali ne Isimayiri mu Ddungu*

15 Awo amazzi ag'omu ddiba bwe gaggwaamu, Agali n'ateeka omwana
we wansi w'ogumu ku miti.
16 Agali ne yeeyongerayo ebbanga ng'awalasibwa akasaale, nga mita
kikumi, n'atuula okumwolekera, kubanga yayogera nti, "Nneme okulaba
omwana ng'afa." Naye bwe yali ng'atudde, omwana n'ayimusa eddoboozi
n'akaaba.

---

* **21:8** Abaana baggyibwanga ku mabeere oluvannyuma lw'emyaka ebiri oba esatu, era gwabanga mukolo munene ddala

17 Katonda n'awulira eddoboozi ly'omulenzi ng'akaaba, malayika wa
Katonda n'ayita Agali ng'asinziira mu ggulu n'amugamba nti, "Kiki
ekikuteganya? Totya, kubanga Katonda awulidde eddoboozi ly'omulenzi
w'ali.
18 Golokoka, situla omwana omunyweze mu mikono gyo, kubanga
ndimufuula eggwanga eddene."
19 Awo Katonda n'azibula amaaso g'Agali, n'alaba oluzzi, n'agenda
n'ajjuza ensawo ey'eddiba amazzi, n'anywesa omulenzi.
20 Awo Katonda n'aba n'omulenzi n'akula n'abeera mu ddungu n'aba
mwatiikirivu mu kulasa.
21 Yabeeranga mu ddungu lya Palani: nnyina n'amufunira omukazi
okuva mu nsi y'e Misiri.

### *Ibulayimu Alagaana n'Abimereki*

22 Mu kiseera ekyo Abimereki ng'ali ne Fikoli omukulu w'eggye lye
n'agamba Ibulayimu nti, "Katonda ali naawe mu buli ky'okola:
23 kale kaakano ndayirira mu maaso ga Katonda nga tolinkuusakuusa,
wadde okukuusakuusa omwana wange oba omwana w'omwana wange.
Naye nga nze bwe nkukoze obulungi nga naawe bw'olinkola nze n'ensi
mw'ozze."
24 Ne Ibulayimu n'amuddamu nti, "Nkulayiridde."
25 Awo Ibulayimu ne yeemulugunya eri Abimereki olw'oluzzi lwe
abaddu be lwe baamunyagako.
26 Abimereki n'amugamba nti, "Simanyi n'omu eyakola ekintu ekyo,
ggwe tewambulira era sikiwulirangako okutuusa ggwe lw'okintegeezeezza
olwa leero."
27 Awo Ibulayimu n'addira endiga n'ente n'abiwa Abimereki, ne
balagaana endagaano bombi.
28 Awo Ibulayimu n'ayawulako endiga enduusi musanvu okuva mu
kisibo kye.
29 Abimereki n'abuuza Ibulayimu nti, "Endiga ezo omusanvu enduusi
z'oyawuddeko amakulu gaazo ki?"
30 N'amuddamu nti, "Endiga ezo enduusi omusanvu onoozitwala okuva
gye ndi kalyoke kabe obukakafu nti nze nasima oluzzi olwo."
31 Ekifo ekyo kyekyava kiyitibwa Beeruseba, kubanga eyo bombi gye
baalagaanira.
32 Bwe baamala okukola endagaano e Beeruseba, Abimereki ne Fikoli
omukulu w'eggye lye ne basitula ne baddayo mu nsi y'Abafirisuuti.
33 Ibulayimu n'asimba omuti omumyulimu mu Beeruseba n'akaabiririra
eyo erinnya lya MUKAMA, Katonda Ataggwaawo.
34 Ibulayimu ne yeeyongera okutambulatambula mu nsi y'Abafirisuuti
okumala ennaku nnyingi.

## 22

### *Katonda Agezesa Ibulayimu*

1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, Katonda n'agezesa Ibulayimu, n'amuyita
nti, "Ibulayimu!"
N'addamu nti, "Nze nzuuno."
2 Katonda n'amugamba nti, "Twala mutabani wo, mutabani wo omu
yekka, Isaaka, gw'oyagala, ogende mu nsi Moliya ku lumu ku nsozi lwe
ndikulaga omuweereyo eyo okuba ekiweebwayo ekyokebwa."

3 Ibulayimu n'agolokoka ku makya n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ye,
n'atwala babiri ku baweereza be abasajja ne Isaaka mutabani we, n'ayasa
enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'asituka n'agenda mu kifo Katonda
kye yamugamba.
4 Ku lunaku olwokusatu Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge n'alengera
ekifo.
5 Awo Ibulayimu n'agamba balenzi be nti, "Musigale wano n'endogoyi,
nze n'omulenzi tugende eri tusinze, tulyoke tukomewo."
6 Ibulayimu n'addira enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa n'azitikka
Isaaka mutabani we, ye n'akwata omuliro n'akambe, ne bagenda bombi.
7 Isaaka n'agamba Ibulayimu nti, "Taata."
Ibulayimu n'amuddamu nti, "Nzuuno mwana wange."
Isaaka n'amubuuza nti, "Laba, omuliro n'enku biibino, naye omwana
gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa guluwa?"
8 Ibulayimu n'amuddamu nti, "Mwana wange, Katonda aneefunira
omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa." Kale ne bagenda
bombi.

### *Ibulayimu Awaayo Isaaka*

9 Bwe baatuuka mu kifo Katonda kye yamugamba, Ibulayimu n'azimba
ekyoto, n'atindikira enku, n'asiba omwana we Isaaka, n'amuteeka ku
kyoto ku nku.
10 Awo Ibulayimu n'akwata ekiso, n'agolola omukono gwe atte omwana
we.
11 Naye malayika wa MUKAMA n'amukoowoola ng'asinziira mu ggulu,
n'agamba nti, "Ibulayimu! Ibulayimu!"
Ibulayimu n'addamu nti, "Nze nzuuno." N'amugamba nti,
12 "Togolola mukono gwo ku mulenzi so tomukola kintu na kimu,
kubanga kaakano ntegedde nti otya Katonda, ndabye nti omwana wo
tomunnyimye, omwana wo omu yekka bw'ati."
13 Awo Ibulayimu n'ayimusa amaaso, n'alaba, era laba, emabega we
endiga ennume ng'eri mu kisaka ng'amayembe gaayo mwe galaalidde.
Ibulayimu n'agenda n'addira endiga eyo n'agiwaayo okuba ekiweebwayo
ekyokebwa, mu kifo ky'omwana we.
14 Ibulayimu kyeyava atuuma ekifo ekyo erinnya MUKAMA alitugabirira*,
era ne kaakano bwe kiyitibwa nti ku lusozi lwa MUKAMA anaagabiriranga.
15 Awo malayika wa MUKAMA n'ayita Ibulayimu omulundi ogwokubiri
ng'asinziira mu ggulu,
16 n'amugamba nti, "Nze MUKAMA neerayiridde, nga bw'okoze kino,
n'otonnyima mwana wo omu yekka bw'ati,
17 ddala ndikuwa omukisa, era ndyaza ezzadde lyo, ne liba
ng'emmunyeenye ez'eggulu era ng'omusenyu oguli ku lubalama
lw'ennyanja. Era ezzadde lyo balitwala eby'abalabe baabwe,
18 era mu zzadde lyo amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa,
kubanga ogondedde eddoboozi lyange."
19 Ibulayimu n'alyoka addayo eri abavubuka be, ne basitula ne balaga e
Beeruseba.
20 Awo mu biro ebyo ne babuulira Ibulayimu nti, "Laba Mirika azaalidde
Nakoli muganda wo abaana: Uzi ye mubereberye,
21 ne muto we ye Buzi, ne Kemweri kitaawe wa Alamu,
22 ne Kesedi, ne Kazo, ne Pirudaasi, ne Yidulaafu ne Besweri."

---

* **22:14** oluusi ekifo ekyo kiyitibwa Yakuwayire

23 Era Besweri yazaala Lebbeeka.
Abaana abo omunaana Mirika be yazaalira Nakoli muganda wa Ibulayimu.

24 Ate ne mukazi we omulala Lewuma n'azaalira Nakoli, abaana aboobulenzi era be bano:
Teba, ne Gakamu, ne Takasi, ne Maaka.

# 23

*Okufa n'Okuziikibwa kwa Saala*

1 Saala yawangaala emyaka kikumi mu abiri mu musanvu.
2 N'afiira e Kiriyasuwalaba, ye Kebbulooni, mu nsi ya Kanani. Saala bwe
yafa Ibulayimu n'ayingira okumukungubagira n'amukaabira.
3 Oluvannyuma Ibulayimu n'ava awali omulambo gwe n'agenda eri
Abakiiti* n'abagamba nti,
4 "Ndi mugenyi era omutambuze mu mmwe, munfunire ekifo
aw'okuziika, ndyoke nziikewo omuntu wange anve ku maaso."
5 Abakiiti ne baddamu Ibulayimu nti,
6 "Tuwulirize mukama waffe. Laba, oli muntu mukulu wakati mu ffe.
Ziika mukazi wo mu emu ku ntaana zaffe gy'oneeroboza. Tewali n'omu
mu ffe anaakuuma ntaana ye, oba okukuziyiza okuziika omuntu wo."
7 Ibulayimu n'agolokoka n'avuunama eri Abakiiti, bannannyini nsi.
8 N'abagamba nti, "Obanga munzikirizza mu mwoyo mulungi okuziika
omuntu wange, mumpulirize. Kale munneegayiririre Efulooni mutabani
wa Zokali,
9 anguze empuku ey'e Makupeera, gy'alina, eri ku nkomerero
y'ennimiro ye. Agingulize mu maaso gammwe, mmusasule omuwendo
gwayo gwonna, efuuke ekifo kyange eky'okuziikangamu mu mmwe."
10 Mu kiseera ekyo Efulooni yali atudde awo wakati mu Bakiiti. Efulooni,
Omukiiti n'addamu Ibulayimu nga Abakiiti bonna abaaliwo mu mulyango
gw'ekibuga nga bawulira nti,
11 "Nedda mukama wange. Mpuliriza. Nkuwadde ennimiro n'empuku
erimu, ng'abantu bange balaba, ziika omuntu wo."
12 Awo Ibulayimu n'avuunama mu maaso gaabwe bonna.
13 N'agamba Efulooni, bonna nga bawulira nti, "Obanga okkirizza, nkusaba
nsasule omuwendo gw'ennimiro gwonna ndyoke nziikewo mukazi
wange."
14 Efulooni n'addamu Ibulayimu nti,
15 "Mpuliriza mukama wange, ennimiro esaana ebitundu by'effeeza
ebikumi bina. Kale ekyo ki eri ab'omukwano? Twala ennimiro oziikemu
abafu bo."
16 Ne bakkiriziganya, Ibulayimu kwe kusasula Efulooni ensimbi ze
bakkirizaganya nga Abakiiti bonna balaba.
17 Olwo ennimiro ya Efulooni mu Makupeera, eyali ku luuyi
olw'ebuvanjuba olwa Mamule, ennimiro awamu n'empuku eyalimu,
n'emiti gyonna egyali mu nnimiro ekitundu kyonna ne bifuuka bya
18 Ibulayimu nga Abakiiti bonna abaafuluma mu mulyango gw'ekibuga
balaba.

* **23:3** Abakiiti be bazzukulu ba Kiiti

19 Oluvannyuma Ibulayimu n'aziika Saala mukazi we mu mpuku mu nnimiro ya Makupeera ku luuyi olw'ebuvanjuba bwa Mamule, ye Kebbulooni, mu nsi ya Kanani.
20 Abakiiti ne bakwasa Ibulayimu ennimiro awamu n'empuku yaamu mu butongole okubeera obutaka bwe okuziikangamu abantu be.

# 24

### *Okunoonyeza Isaaka Omukazi*

1 Ibulayimu yawangaala n'akaddiwa nnyo; era MUKAMA yamuwa emikisa mingi mu byonna.
2 Awo Ibulayimu n'agamba omuddu asinga obukulu mu nnyumba ye, eyali afuga byonna Ibulayimu bye yalina nti, "Teeka omukono gwo wansi w'ekisambi kyange*
3 ndyoke nkulayize mu maaso ga MUKAMA Katonda w'eggulu era Katonda w'ensi, nga toliwasiza mutabani wange mukazi kuva mu bawala ba nsi ya Bakanani, mwe mbeera,
4 wabula ng'oligenda mu nsi yange mu bantu bange n'owasiza mutabani wange Isaaka omukazi."
5 Omuddu kwe ku mubuuza nti, "Omukazi bw'ataliyagala kujja nange mu nsi eno, ndizzaayo mutabani wo mu nsi mwe wava?"
6 Ibulayimu n'addamu nti, "Togezanga n'ozzaayo mutabani wange.
7 MUKAMA, Katonda w'eggulu, eyanzigya mu nnyumba ya kitange, mu nsi mwe nazaalibwa eyayogera nange era n'andayirira nti, 'Ezadde lyo ndiriwa ensi eno,' alituma malayika we n'akukulembera owasirize mutabani wange omukazi era omuggyeyo.
8 Naye omukazi bw'aligaana okujja naawe, olwo ekirayiro kino kiriba tekikyakusiba. Kyokka togezanga n'ozzaayo omwana wange."
9 Awo omuddu kwe kuteeka omukono gwe wansi w'ekisambi kya mukama we Ibulayimu.
10 Awo omuddu n'atwala ku ŋŋamira za mukama we n'agenda ng'atutte buli ngeri ya kirabo okuva ku bya mukama we. N'ayimuka n'agenda e Mesopotamiya mu kibuga kya Nakoli.
11 Obudde bwe bwawungeera n'atuuka ebweru w'ekibuga n'afukamiza awo eŋŋamira okumpi n'oluzzi obudde nga buwungedde abakazi we bagendera okukima amazzi.
12 N'asaba nti, "Ayi MUKAMA Katonda wa mukama wange Ibulayimu mpa obuwanguzi leero nkwegayiridde, olage mukama wange Ibulayimu okwagala kwo okutaggwaawo.
13 Laba nnyimiridde okumpi n'oluzzi, ne bawala b'abantu ab'omu kibuga bajja okusena amazzi.
14 Kale omuwala gwe nnaagamba nti, 'Nkwegayiridde mpa ku mazzi ag'omu nsuwa yo nnyweko,' n'amala agamba nti, 'Kale nnywa, era n'eŋŋamira zo nnaazinywesa,' oyo y'aba abeera gw'olonze okuba mukazi w'omuddu wo Isaaka. Ku kino kwe nnaategeerera nti olaze mukama wange ekisa kyo ekitaggwaawo."

### *Lebbeeka ku Luzzi*

15 Laba, bwe yali nga tannamaliriza kusaba, Lebbeeka muwala wa Besweri mutabani wa Mirika muka Nakoli, muganda wa Ibulayimu, n'ajja ng'atadde ensuwa ye ey'amazzi ku kibegabega kye.

---

* **24:2** wansi w'ekisambi kyange amakulu nti ekirayiro ekyo kyali kitwaliramu ne bazzukulu ba Ibulayimu.

16 Omuwala oyo yali mulungi okulabako nga muwala mbeerera, n'akka mu luzzi n'ajjuza ensuwa ye n'avaayo.

17 Awo omuddu n'ayanguwa n'amusisinkana, n'amugamba nti, "Nkusaba ompe ku tuzzi ku nsuwa yo."

18 N'amuddamu nti, "Nywako mukama wange." Amangwago n'assa ensuwa mu mikono gye, n'agikwata mu mukono gwe n'amuwa amazzi.

19 Bwe yamala okumuwa amazzi, n'amugamba nti, "N'eŋŋamira zo nazo nnaazisenera amazzi okutuusa lwe zinaamala okunywa."

20 Bw'atyo n'ayanguwa n'ayiwa ensuwa ye ey'amazzi n'agimalira mu kyesero, n'adduka n'asena amalala agaali gamala eŋŋamira ze zonna,

21 omusajja ng'asirise ng'amwekaliriza amaaso okumanya obanga MUKAMA awadde olugendo lwe omukisa oba nedda.

22 Eŋŋamira bwe zaamala okunywa, omusajja n'addira empeta ya zaabu ey'oku matu erimu gulaamu ttaano n'obutundu musanvu n'ebikomo ebya zaabu bibiri eby'oku mikono bya gulamu kikumi mu kkumi na ttaano n'abiwa omuwala abyenaanike.

23 N'amubuuza nti, "Oli muwala w'ani? Mu nnyumba ya kitaawo mulimu ekisenge mwe tuyinza okusuzibwa?"

24 N'amuddamu nti, "Ndi muwala wa Besweri, mutabani wa Mirika gwe yazaalira Nakoli."

25 N'ayongerako nti, "Tulina omuddo omukalu n'emmere endala ebimala, era n'ekisenge eky'okusulamu tukirina."

26 Awo omusajja n'akutamya omutwe gwe n'asinza MUKAMA.

27 N'agamba nti, "Yeebazibwe MUKAMA Katonda wa mukama wange Ibulayimu atalese kisa kye ekitaggwaawo n'obwesigwa bwe eri mukama wange. Era nze ku lwange MUKAMA ankulembedde mu kkubo n'antuusa mu nnyumba ya booluganda lwa mukama wange."

28 Awo omuwala n'adduka n'ategeeza ab'ennyumba ya nnyina ebintu ebyo byonna.

29 Lebbeeka yalina mwannyina, Labbaani, eyayanguwa okulaga ku luzzi eri omusajja,

30 Labbaani bwe yalaba empeta n'ebikomo ku mikono gya mwannyina, era bwe yawulira ebigambo bya mwannyina ng'omusajja bw'amugambye, n'agenda eri omusajja. Laba omusajja yali ng'ayimiridde awali eŋŋamira ku luzzi.

31 Labbaani n'amugamba nti, "Jjangu gwe aweereddwa MUKAMA omukisa. Lwaki obeera eno? Ntegesse ennyumba era n'ekifo ky'eŋŋamira."

32 Awo, omusajja n'alaga ku nnyumba, n'asumulula eŋŋamira, ne baziwa essubi n'ebyokulya ne bamuleetera n'amazzi ye n'abasajja be yali nabo banaabe ebigere.

33 Oluvannyuma ne bamuleetera emmere alye. Kyokka ye n'agamba nti, "Sijja kulya nga sinnayogera kindeese."

Labbaani n'amugamba nti, "Yogera."

### *Omuddu Annyonnyola Ekyamutwala*

34 Awo n'agamba nti, "Ndi muddu wa Ibulayimu.

35 MUKAMA yawa mukama wange emikisa mingi, era afuuse mukulu, amuwadde ebisibo by'endiga n'amagana g'ente, ne ffeeza ne zaabu, abaweereza abasajja n'abaweereza abakazi era n'eŋŋamira awamu n'endogoyi.

36 Era Saala muka mukama wange bwe yali ng'akaddiye yamuzaalira omwana owoobulenzi, era mukama wange awadde oyo byonna by'alina.

37 Mukama wange yandayiza n'aŋŋamba nti, 'Towasizanga mutabani wange mukazi ava mu Bakanani ba nnyini nsi mwe mbeera.

38 Wabula oligenda mu nnyumba ya kitange, mu bantu bange, n'owasiza mutabani wange omukazi okuva omwo.'

39 "Ne mbuuza mukama wange nti, 'Omukazi bw'atalikkiriza kujja nange?'

40 "Ye n'anziramu nti, 'MUKAMA oyo gwe ntambulira mu maaso ge alikutumira malayika we mu lugendo lwo era alikuwa omukisa, n'owasiza mutabani wange omukazi okuva mu bantu bange, era mu nnyumba ya kitange.

41 Naye ekirayiro kyange tekirikubaako bw'olituuka mu bantu bange ne batamukuwa, nga ggwe toliiko musango.'

42 "Leero bwe ntuuse ku luzzi, ne ŋŋamba nti, 'Ayi MUKAMA, Katonda wa mukama wange Ibulayimu, obanga onoowa omukisa olugendo luno lwe ndiko,

43 laba, nnyimiridde awali oluzzi, kale omuwala anajja okusena amazzi, ne mugamba nti, "Nkusaba ku tuzzi mu nsuwa yo nyweko,"

44 n'anziramu nti, "Nnywa, era n'eŋŋamira zo nazo nzija kuzisenera," oyo y'aba abeera omukazi MUKAMA gw'alondedde mutabani wa mukama wange.'

45 "Laba, bwe nabadde nga nkyayogera mu mutima gwange, Lebbeeka n'avaayo n'ensuwa ye ng'eri ku kibegabega kye, n'aserengeta ku luzzi n'asena amazzi. Ne mugamba nti, 'Nkusaba ompe nyweko.'

46 "Nassa mangu ensuwa ye okuva ku kibegabega kye, n'agamba nti, 'Nnywa, era nnaanywesa n'eŋŋamira zo.'

47 "Kwe ku mubuuza nti, 'Oli muwala w'ani?' N'anziramu nti, 'Ndi muwala wa Besweri, mutabani wa Nakoli, Mirika gwe yamuzaalira.' Ne nteeka empeta ku nnyindo ye n'ebikomo ku mikono gye.

48 Awo ne nkutamya omutwe gwange ne nsinza MUKAMA ne muwa ekitiibwa, Katonda wa mukama wange Ibulayimu eyankulembera nannuŋŋamya mu lugendo lwange okuwasiriza mutabani wa mukama wange omukazi okuva mu bantu ba mukama wange.

49 Kale kaakano obanga mu mazima munaakolera mukama wange ebyekisa, mumbuulire, era obanga si bwe kityo mumbuulire; ndyoke mmanye eky'okukola."

### *Lebbeeka Agenda n'Omuddu*

50 Awo Labbaani ne Besweri ne baddamu nti, "Kino kivudde wa MUKAMA, tetuyinza kukuddamu kino oba kiri.

51 Laba, Lebbeeka wuuyo, mutwale, agende abeere muka mutabani wa mukama wo, nga MUKAMA bw'alagidde."

52 Omuddu wa Ibulayimu bwe yawulira ebigambo byabwe n'avuunama wansi mu maaso ga MUKAMA.

53 N'aggyayo eby'obugagga ebya ffeeza ne zaabu, n'ebyambalo n'abiwa Lebbeeka, era n'awa mwannyina ne nnyina ebirabo eby'omuwendo omungi.

54 Awo ye n'abasajja be yali nabo ne balyoka balya era ne banywa; ne basulayo ekiro ekyo.

Bwe baagolokoka enkya n'agamba nti, "Ka nzireyo eri mukama wange."

55 Mwannyina ne nnyina ne bamuddamu nti, "Leka omuwala abeereko naffe akaseera, wakiri ennaku kkumi, olwo mulyoke mugende."

56 Ye n'abaddamu nti, "Temundwisa, kubanga MUKAMA awadde olugendo lwange omukisa."

57 Ne bagamba nti, “Ka tuyite omuwala tumubuuze.”
58 Ne bayita Lebbeeka, ne bamubuuza nti, “Onoogenda n’omusajja ono?”
N’addamu nti, “Nnaagenda.”
59 Awo ne basiibula Lebbeeka mwannyinaabwe, n’omuweereza we
omuwala, n’omuweereza wa Ibulayimu omusajja awamu n’abasajja be.
60 Ne basabira Lebbeeka omukisa ne bamugamba nti,
“Mwannyinaffe beera nnyina
w’enkumi n’enkumi,
abaana n’abazzukulu bo balyenga
ebibuga by’abalabe baabwe.”
61 Awo Lebbeeka n’abaweereza be ne basituka ne beebagala eŋŋamira
ne bagenda n’omuweereza wa Ibulayimu omusajja, bw’atyo omuddu
n’atwala Lebbeeka ne bagenda.

### *Isaaka ne Lebbeeka Bafumbiriganwa*

62 Olwo Isaaka yali ng’avudde e Beerirakayiroyi ng’ali mu Negevu.
63 Awo bwe yali ng’atambula nga bw’afumiitiriza mu nnimiro
akawungeezi, n’ayimusa amaaso ge n’alengera eŋŋamira nga zijja.
64 Ne Lebbeeka n’ayimusa amaaso ge. Bwe yalengera Isaaka n’ava ku
ŋŋamira,
65 n’abuuza omuddu nti, “Ani oyo gwe nnengera mu nnimiro ajja
okutusisinkana?”
Omuddu n’addamu nti, “Ye mukama wange.” Lebbeeka kwe kutoola
omunagiro gwe ne yeebikkirira.
66 Awo omuddu n’ategeeza Isaaka byonna nga bwe byagenda.
67 Awo Isaaka n’atwala Lebbeeka n’amuyingiza mu weema eyali eya
Saala nnyina, n’afuuka mukazi we n’amwagala. Isaaka n’alyoka afuna
essanyu kasookedde afiirwa nnyina.†

## 25

1 Ibulayimu n’awasa omukazi omulala erinnya lye Ketula.
2 Yamuzaalira Zimulaani, ne Yokusaani, ne Medani, ne Midiyaani, ne
Isubaki ne Suwa.
3 Yokusaani n’azaala Seeba ne Dedani. Dedani n’azaala Asulimu, ne
Letusimu ne Leumimu.
4 Batabani ba Midiyaani baali Efa, ne Eferi, ne Kanoki, ne Abida ne
Eruda. Abo bonna be baana n’abazzukulu ba Ketula.
5 Ibulayimu yawa Isaaka byonna bye yalina.
6 Naye bo abaana b’abaweereza be n’abawa birabo, n’abasiibula
bwe yali ng’akyali mulamu bagende ebuvanjuba mu nsi ey’ebuvanjuba;
baviire mutabani we Isaaka.

### *Okufa kwa Ibulayimu*

7 Ibulayimu yawangaala emyaka kikumi mu nsanvu mu etaano.
8 Ibulayimu yafa ng’akaddiyidde ddala, nga musajja awangaalidde ddala
obulungi.
9 Batabani be Isaaka ne Isimayiri ne bamuziika mu mpuku ey’e
Makupeera, mu nnimiro ya Efulooni, mutabani wa Zokali Omukiiti,
ebuvanjuba bwa Mamule;
10 ennimiro Ibulayimu gye yagula ku Bakiiti. Omwo Ibulayimu mwe
yaziikibwa awali Saala mukazi we.

† **24:67** Waali wayiseewo emyaka esatu nga Saala afudde (17:17; 23:1; 25:20).

11 Ibulayimu bwe yafa, Katonda n'awa mutabani we Isaaka omukisa,
Isaaka n'abeera e Beerirakayiroyi.

### *Abaana ba Isimayiri*

12 Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Isimayiri mutabani wa Ibulayimu
eyazaalibwa Agali Omumisiri, omuweereza wa Saala omuwala.

13 Gano ge mannya gaabwe nga bwe baddiŋŋanwako: Nebayoosi,
omubereberye wa Isimayiri, ne Kedali, ne Adubeeri, ne Mibusamu,
14 ne Misuma, ne Duma, ne Massa,
15 ne Kadadi, ne Teema, ne Yetuli, ne Nafisi ne Kedema.
16 Abo be batabani ba Isimayiri, era ago ge mannya gaabwe, mu byalo
ne mu bibuga byabwe mwe baabeeranga, abafuzi kkumi na babiri buli
omu n'eggwanga lye.
17 Isimayiri yafa ng'awezezza emyaka kikumi mu asatu mu musanvu
n'atwalibwa mu babe.
18 Abantu be baatuula okuviira ddala mu Kavira ne batuuka ku
Ssuuli okuliraana Misiri ku luuyi olwa Bwasuli. Ennaku zaabwe zonna
baawalananga baganda baabwe.

### *Okuzaalibwa kwa Yakobo ne Esawu*

19 Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Isaaka, mutabani wa Ibulayimu.

Ibulayimu yazaala Isaaka.
20 Isaaka yalina emyaka amakumi ana, we yawasiza muwala wa Besweri
Omusuuli ow'e Padanalaamu, eyayitibwanga Lebbeeka mwannyina wa
Labbaani.
21 Isaaka n'asaba MUKAMA ku lwa mukazi we Lebbeeka kubanga yali
mugumba, MUKAMA n'awulira okusaba kwe, Lebbeeka naaba olubuto.
22 Abaana bombi ne bagulumbira mu lubuto lwe, Lebbeeka n'agamba
nti, "Obanga kiri bwe kityo, lwaki mba omulamu?" Awo n'agenda ne
yeebuuza ku MUKAMA.
23 MUKAMA n'amuddamu nti,
"Mu lubuto lwo mulimu amawanga abiri,
abantu ababiri b'olizaala balibeera ba njawulo,
omu alibeera w'amaanyi okusinga munne,
era omukulu yaaliweereza omuto."
24 Ennaku ez'okuzaala bwe zaatuuka, laba, n'azaala abalongo nga
babulenzi.
25 Eyasooka bwe yavaayo nga mumyufu, omubiri gwe gwonna nga
gufaanana ng'ekyambalo eky'ebyoya. Kyebaava bamutuuma Esawu.
26 Oluvannyuma ne muganda we n'azaalibwa, omukono gwe nga
gukutte ekisinziiro kya Esawu; kyebaava bamuyita Yakobo. Isaaka yalina
emyaka nkaaga Lebbeeka we yazaalira abaana abo.

### *Esawu Atunda eby'Obukulu Bwe*

27 Abalenzi ne bakula, Esawu n'aba muyizzi lukulwe, omuntu ow'oku
ttale. Naye ye Yakobo yali musajja musirise ng'asigala waka.
28 Isaaka n'ayagala Esawu kubanga yalyanga ku muyiggo gwe, naye
Lebbeeka ye n'ayagala Yakobo.
29 Lumu Yakobo yali afumba enva, Esawu n'ajja ng'ava ku ttale; enjala
ng'emuluma nnyo.
30 Esawu n'agamba Yakobo nti, "Mpa mpute ku nva ezo, kubanga enjala
ejula kunzita." Kyeyava ayitibwa Edomu.

31 Yakobo n’amuddamu nti, “Sooka onguze obukulu bwo.”
32 Esawu n’agamba nti, “Laba Ndikumpi n’okufa, obukulu bungasa ki?”
33 Yakobo n’addamu nti, “Sooka ondayirire.” Awo Esawu n’amulayirira,
olwo n’aguza Yakobo obukulu bwe.
34 Yakobo n’alyoka awa Esawu emmere n’enva, n’alya n’anywa,
n’agolokoka n’agenda.

Bw’atyo Esawu n’anyooma obukulu bwe.

# 26

*Isaaka Abeera mu Gerali*

1 Ne wabaawo enjala mu nsi, eteri eri eyabaawo mu biseera bya Ibulay-
imu. Isaaka n’agenda mu Gerali, ewa Abimereki* kabaka w’Abafirisuuti.
2 Ne MUKAMA n’amulabikira, n’amugamba nti, “Toserengeta Misiri,
beera mu nsi gye ndikulaga.
3 Beera mu nsi gye ndikulaga, nnaabeeranga naawe, n’akuwanga omuk-
isa kubanga gwe n’abaana bo ndibawa ensi zino zonna, era ndituukiriza
ekirayiro kye nalayirira kitaawo Ibulayimu.
4 Ndyaza abaana b’enda yo ne baba ng’emmunyeenye ez’eggulu, era
ndibawa n’ensi zino zonna. Era mu bo amawanga gonna ag’oku nsi mwe
galiweerwa omukisa;
5 kubanga Ibulayimu yagondera eddoboozi lyange, n’akwata bye na-
mukuutira, n’ebiragiro byange, n’ebigambo byange awamu n’amateeka
gange.”
6 Bw’atyo Isaaka n’abeera mu Gerali,
7 abasajja ab’omu nsi omwo bwe baamubuuza ku mukazi we
n’abaddamu nti, “Mwannyinaze.” Kubanga yatya okwogera nti, “Mukazi
wange,” ng’alowooza nti, “Abasajja ab’omu nsi omwo tebalwa kunzita lwa
Lebbeeka,” kubanga yali mulungi nnyo.
8 Bwe yamalayo ekiseera ekiwanvu, Abimereki, kabaka w’Abafirisuuti
n’atunula mu ddirisa, n’alaba Isaaka ng’azannya ne Lebbeeka mukazi we.
9 Abimereki kwe kuyita Isaaka n’amugamba nti, “Ddala, mukazi wo,
lwaki wagamba nti, ‘Mwannyinaze’?”

Isaaka n’amuddamu nti, “Kubanga nalowooza nti, ‘Nnyinza okufiirwa
obulamu bwange ku lulwe.’ ”
10 Abimereki n’amugamba nti, “Kale kiki kino ky’otukoze? Omu
ku basajja yandiyinzizza okusobya ku mukazi wo, wandituleeseeko
omusango.”
11 Awo Abimereki n’alyoka alagira abantu bonna ng’agamba nti, “Buli
alikwata ku musajja ono oba ku mukyala we waakuttibwa.”
12 Isaaka n’asigala mu nsi omwo, n’afuna amakungula emirundi kikumi
ag’ebyo bye yasiga, kubanga MUKAMA yamuwa omukisa.
13 N’afuuka mugagga, obugagga bwe ne bweyongera n’agaggawala nnyo.
14 Yalina ebisibo by’endiga bingi nnyo n’amagana g’ente, era
n’abaweereza nfaafa; Abafirisuuti ne bamukwatirwa obuggya.
15 Kyebaava bajjuza enzizi zonna abaddu ba kitaawe ze baasima mu biro
bya kitaawe Ibulayimu, ne baziziba.
16 Ne Abimereki n’agamba Isaaka nti, “Ggenda, tuveemu kubanga
otuyitiridde amaanyi.”

* **26:1** Abimereki Ono yali kabaka Abimereki mulala, eyali asikidde erinnya. Eyasooka yali yafa emyaka kinaana emabegako.

*Abasumba ba Isaaka n'aba Abafirisuuti*

17 Awo Isaaka n'avaayo n'azimba mu kiwonvu eky'e Gerali, n'abeera omwo.

18 Isaaka n'azibukula enzizi ezaali zisimiddwa mu biseera bya Ibulayimu kitaawe, kubanga Abafirisuuti baziziba Ibulayimu bwe yamala okufa. Era ye Isaaka n'aziyita amannya gali kitaawe ge yali azituumye.

19 Naye abaddu ba Isaaka bwe basima mu kiwonvu ne bazuula oluzzi olw'ensulo,

20 abasumba b'omu Gerali ne bayomba n'abasumba ba Isaaka nga bagamba nti, "Amazzi gaffe." Oluzzi olwo kyeyava alutuuma Eseki†, kubanga baawakana naye.

21 Kyebaava basima oluzzi olulala, era nalwo ne baluyombera, lwo kwe kuluyita Situna.

22 Awo n'avaayo n'asima oluzzi olulala, olwo lwo ne bataluyombera, kyeyava alutuuma Lekobosi, ng'agamba nti, "Kubanga kaakano Mukama atuwadde ebbanga, era tujja kukulaakulanira muno."

23 Bwe yava eyo n'agenda e Beeruseba.

24 Ekiro ekyo Mukama n'alabikira Isaaka, n'amugamba nti, "Nze Katonda wa Ibulayimu kitaawo, totya. Kubanga ndiwamu naawe, ndikuwa omukisa era ndyaza abaana bo ku lwa Ibulayimu omuddu wange."

25 Awo n'azimbawo ekyoto n'akoowoola erinnya lya Mukama, n'asimba eyo eweema ye. Era n'eyo abaddu be ne basimayo oluzzi.

26 Mu kiseera kye kimu Abimereki n'ava mu Gerali ng'ali ne Akuzasa gwe yeebuuzangako amagezi ne Fikoli omukulu w'eggye lye, n'agenda eri Isaaka.

27 Isaaka n'ababuuza nti, "Lwaki muzze gye ndi ng'ate mwankijjanya ne mungobaganya?"

28 Ne bamuddamu nti, "Tulabidde ddala nga Mukama ali naawe, kyetuva tugamba nti, 'Wabeewo ekirayiro wakati wo naffe. Era tukole endagaano naawe,

29 nga tolitukola kabi, nga ffe bwe tutaakakukola era nga tetuliiko kye tukukoze, wabula ebirungi era nga twakusiibula mirembe.' Kaakano gwe oli muntu Mukama gw'awadde omukisa."

30 Awo Isaaka n'abakolera ekijjulo ne balya ne banywa.

31 Ku makya ennyo ne bagolokoka ne balayiriragana, Isaaka n'abawerekerako ne bava gy'ali mirembe.

32 Ku lunaku olwo lwennyini, abaddu ba Isaaka ne bajja ne bamutegeeza eby'oluzzi lwe baasima, ne bamugamba nti, "Tuzudde amazzi."

33 N'alutuuma Siba; erinnya ly'ekibuga kyeriva liba Beeruseba na buli kati.

34 Esawu bwe yaweza emyaka amakumi ana egy'obukulu, n'awasa Yudisi muwala wa Beeri Omukiiti, ne Besimansi muwala wa Eroni naye Omukiiti.

35 Ne bakaluubiriza nnyo Isaaka ne Lebbeeka obulamu.

## 27

1 Awo Isaaka bwe yali ng'akaddiye nnyo n'amaaso ge nga gayimbadde, nga takyayinza kulaba, n'ayita Esawu mutabani we omukulu, n'amugamba nti, "Mutabani," n'amuddamu nti, "Nze nzuuno."

2 Isaaka n'amugamba nti, "Laba, nkaddiye, simanyi lwe ndifa.

† **26:20** Eseki kitegeeza mpaka

3 Kale kaakano kwata by'oyizza, omutego gwo n'obusaale bwo, ogende
mu nsiko onjiggire yo omuyiggo.
4 Onteekereteekere ekyokulya ekiwooma ennyo kye njagala, okindeetere
nkirye, ndyoke nkusabire omukisa nga sinnafa."

### *Lebbeeka Asala Olukwe ne Yakobo*

5 Ne Lebbeeka yali awo ng'awuliriza, Isaaka ng'agamba mutabani we
omukulu Esawu. Awo Esawu bwe yagenda mu nsiko okuyigga omuyiggo
aguleete,
6 Lebbeeka n'agamba mutabani we Yakobo owookubiri nti, "Mpulidde
kitaawo ng'agamba muganda wo Esawu nti,
7 'Ndeetera omuyiggo onteekereteekere ekyokulya ekiwooma obulungi,
nkirye, ndyoke nkusabire omukisa eri MUKAMA nga sinnafa.'
8 Kale nno kaakano mwana wange wulira kye nkugamba.
9 Genda eri ekisibo ondeeteremu embuzi bbiri ennungi, nfumbire
kitaawo ekyokulya ekiwooma, nga bw'ayagala,
10 okitwalire kitaawo akirye, alyoke akusabire omukisa nga tannafa."
11 Naye Yakobo n'agamba Lebbeeka nnyina nti, "Muganda wange Esawu
musajja wa byoya, so nga nze ndi muweweevu.
12 Singa kitange anampeeweetako, siifuuke mulimba gy'ali, ne nfuna
ekikolimo mu kifo ky'okufuna omukisa?"
13 Nnyina n'amuddamu nti, "Ekikolimo kyo kibe ku nze mwana wange;
wulira ekigambo kyange ogende ozindeetere."
14 Awo Yakobo n'agenda, n'azikwata n'azireeteera nnyina,
n'ateekerateekera Isaaka ekyokulya ekiwooma nga bwe yayagala.
15 Lebbeeka n'addira ebyambalo ebisinga obulungi ebya Esawu, muta-
bani we omukulu, ebyali mu nnyumba; n'abyambaza Yakobo mutabani
we omuto,
16 era n'addira n'amaliba g'embuzi n'agamwambaza ku mikono ne ku
bitundu ebyobulago ebiweweera.
17 N'alyoka addira ekyokulya ekiwooma n'omugaati bye yafumba,
n'abikwasa Yakobo mutabani we.

### *Omukisa gwa Yakobo Omubbe*

18 Awo Yakobo n'agenda eri kitaawe, n'amugamba nti, "Kitange nzu-
uno." Ye n'amuddamu nti, "Ggwe ani mwana wange?"
19 Yakobo n'agamba kitaawe nti, "Nze Esawu omwana wo omubere-
berye, nkoze nga bw'oŋŋambye. Kale kaakano tuula olye ku muyiggo
gwange olyoke onsabire omukisa."
20 Naye Isaaka n'abuuza mutabani we nti, "Ogufunye otya amangu
bw'otyo?" N'amuddamu nti, "MUKAMA Katonda wo ampadde omukisa."
21 Awo Isaaka n'agamba mutabani we nti, "Sembera wendi mutabani,
nkukwateko, ntegeerere ddala nga ggwe mutabani wange Esawu."
22 Yakobo kwe kusembera awali Isaaka kitaawe. Bwe yamuwulira
n'agamba nti, "Eddoboozi lya Yakobo naye emikono gya Esawu."
23 N'atamutegeera kubanga emikono gye gyaliko obwoya ng'egya Esawu
muganda we, kwe kumuwa omukisa.
24 Isaaka n'amubuuza nti, "Ddala gwe mwana wange Esawu?"
N'amuddamu nti, "Ye nze."
25 N'alyoka amugamba nti, "Kale gundeetere, ndye ku muyiggo gwa
mutabani wange, nkusabire omukisa." N'alyoka agumuleetera, n'alya era
n'amuleetera n'envinnyo n'anywa.

26 Awo kitaawe Isaaka n’amugamba nti, “Sembera onnywegere mwana
wange.”
27 N’amusemberera n’amunywegera, kitaawe n’awulira akaloosa ke
ngoye ze n’amuwa omukisa ng’agamba nti,
“Wulira akaloosa k’omwana wange,
kali ng’akaloosa k’ennimiro
MUKAMA gy’awadde omukisa.
28 Katonda akuwe omusulo ogw’omu ggulu,
n’obugimu bw’ensi,
era akuwe emmere ey’empeke nnyingi n’envinnyo.
29 Abantu bakuweerezenga,
n’amawanga gakuvuunamirenga.
Fuganga baganda bo,
ne batabani ba nnyoko bakuvuunamirenga.
Akolimirwe oyo anaakukolimiranga
era aweebwenga omukisa oyo anaakusabiranga omukisa.”

*Esawu Agwa mu Lukwe*

30 Amangu ddala nga Isaaka yakamala okuwa Yakobo omukisa, era nga
Yakobo tannava wali Isaaka kitaabwe, Esawu n’atuuka ng’ava okuyigga.
31 Era naye n’ateekateeka emmere ey’akawoowo n’agireetera kitaawe.
N’agamba kitaawe nti, “Kitange golokoka olye ku muyiggo gw’omwana
wo olyoke onsabire omukisa.”
32 Kitaawe Isaaka n’amubuuza nti, “Gwe ani?” Kwe kumuddamu nti,
“Nze omwana wo omubereberye Esawu.”
33 Olwo Isaaka n’akankana nnyo n’abuuza nti, “Ani oyo ayizze omuyiggo
n’agundeetera ne ngulya ne ngumalawo nga tonnajja ne mmusabira
omukisa? Era ddala ajja kuweebwa omukisa.”
34 Awo Esawu bwe yawulira ebigambo bya kitaawe ebyo, n’atulika
n’akaaba nnyo nnyini, n’agamba kitaawe nti, “Nange mpa omukisa, ayi
kitange.”
35 Naye n’amuddamu nti, “Muganda wo azze n’annimba era akututteko
omukisa gwo.”
36 Esawu n’ayogera nti, “Teyatuumibwa linnya lye Yakobo? Laba,
anyingiridde emirundi gino gyombi; yanziggyako eby’obukulu bwange,
ate kaakano antutteko n’omukisa gwange.” Kwe kubuuza kitaawe nti,
“Tondekeddeewo mukisa n’akatono?”
37 Isaaka n’addamu Esawu nti, “Laba, mmufudde mukama wo, era
mmuwadde baganda be bonna babe baweereza be, era mmusabidde
abe n’emmere ey’empeke wamu n’envinnyo nga bingi ddala. Kale
nnaakukolera ki mwana wange?”
38 Esawu n’abuuza kitaawe nti, “Tolinaawo mukisa na gumu kitange?
Nange mpa omukisa, ayi kitange.” Bw’atyo Esawu n’ayimusa eddoboozi
lye n’akaaba.
39 Awo Isaaka kitaawe n’amuddamu nti,
“Laba, onooberanga mu nsi enkalu,
era toofunenga musulo guva waggulu mu ggulu.
40 Ekitala kyo kye kinaakukuumanga,
era onooweerezanga muganda wo.
Naye bw’olimwesimattulako,
oliba weefunidde eddembe.”

*Enteekateeka ya Lebbeeka*

41 Awo Esawu n'akyawa muganda we Yakobo ng'amulanga omukisa kitaabwe gwe yamuwa. Esawu n'alyoka ayogera nti, "Ennaku ez'okukungubagira kitange zinaatera okutuuka. Bwe zirituuka, muganda wange Yakobo nga mutta."
42 Kyokka Lebbeeka n'atuusibwako ebigambo bya Esawu mutabani we omukulu; kwe kutumya Yakobo mutabani we omuto, n'amugamba nti, "Laba, Esawu muganda wo ateekateeka okukutta.
43 Kale nno kaakano mwana wange, okole nga bwe nkugamba: Golokoka oddukire ewa, mwannyinaze Labbaani ali mu Kalani,
44 obeereko eyo, okutuusa obusungu bwa muganda wo nga bukkakkanye.
45 Obusungu bwe buliba bumuweddeko, nga yeerabidde ky'omukoze, ne ndyoka ntuma ne bakunona. Kale lwaki mbafiirwa mwembi ku lunaku olumu?"
46 Lebbeeka n'alyoka ategeeza Isaaka nti, "Obulamu bwange bwetamiddwa olw'abakazi bano Abakiiti. Singa Yakobo awasa omu ku bakazi Abakiiti, nga bano, omu ku bakazi aba muno, obulamu bwange buliba tebukyangasa."

# 28

*Isaaka Asindika Yakobo eri Labbaani*

1 Awo Isaaka n'ayita Yakobo n'amuwa omukisa, n'amukuutira nti, "Towasanga, wadde omu ku bakazi Abakanani.
2 Golokoka ogende e Padanalaamu mu nnyumba ya Besweri kitaawe wa nnyoko, ofune omukazi omu ku bawala ba Labbaani mwannyina nnyoko.
3 Katonda Ayinzabyonna akuwe omukisa, akwaze, weeyongere, era obeerenga n'abantu ab'enjawulo bangi.
4 Akuwe emikisa gya Ibulayimu, era agiwe n'ezzadde lyo, olyoke ofune ensi mw'otambulira, Katonda gye yawa Ibulayimu."
5 Bw'atyo Isaaka n'asiibula Yakobo, Yakobo n'agenda e Padanalaamu ewa Labbaani, mutabani wa Besweri Omusuuli mwannyina Lebbeeka, nnyina wa Esawu ne Yakobo.
6 Esawu n'ategeera nga Isaaka awadde Yakobo omukisa, era ng'amusindise e Padanalaamu afuneyo omukazi, era nga bwe yamuwa omukisa yamukuutira nti, "Towasanga ku bakazi Abakanani,"
7 era nga Yakobo agondedde kitaawe ne nnyina n'agenda e Padanalaamu.
8 Awo n'ategeera nti abakazi Abakanani tebaasanyusa kitaawe Isaaka.
9 Esawu n'agenda eri Isimayiri n'awasa omukazi erinnya lye Makalasi, muwala wa Isimayiri, mutabani wa Ibulayimu, mwannyina wa Nebayoosi, n'amwongera ku bakazi be yalina.

*Ekirooto kya Yakobo ng'ali e Beseri*

10 Awo Yakobo n'ava e Beeruseba n'ayolekera Kalani. N'atuuka mu kifo ekimu, n'asula awo ekiro ekyo, kubanga obudde bwali buzibye.
11 N'addira erimu ku mayinja agaali mu kifo ekyo, n'alyezizika ne yeebaka.
12 N'aloota ng'alaba eddaala eggwanvu nga liva ku nsi okutuuka mu ggulu, era nga bamalayika ba Katonda balikkirako era nga balinnyirako,
13 era nga MUKAMA atudde waggulu waalyo. MUKAMA n'agamba Yakobo nti, "Nze MUKAMA Katonda wa Ibulayimu jjajjaawo, era Katonda wa Isaaka; ensi kw'ogalamidde ndigikuwa ggwe n'ezzadde lyo.

14 Era ezzadde lyo liriba ng’enfuufu y’oku nsi, era olibuna obugwanjuba
n’obuvanjuba era n’obukiikakkono n’obukiikaddyo. Mu ggwe ne mu
zadde lyo amawanga gonna ag’oku nsi mwe galiweerwa omukisa.
15 Laba ndi wamu naawe, era nnaakukuumanga buli gy’onoogendanga
yonna, era ndikukomyawo mu nsi eno, kubanga sirikuleka okutuusa nga
mmaze okukola ekyo kye nkugambye.”
16 Awo Yakobo n’ava mu tulo n’agamba nti, “Mazima ddala MUKAMA ali
mu kifo kino, nze mbadde ssimanyi.”
17 N’atya nnyo, n’agamba nti, “Ekifo kino nga kyantiisa! Ekifo kino ye
nnyumba ya Katonda, era guno gwe mulyango gw’eggulu.”
18 Awo Yakobo n’agolokoka ku makya, n’addira ejjinja lye yali yeezizise
n’alisimba okuba empagi n’ayiwa amafuta ku mutwe gwalyo.
19 Ekifo ekyo n’akituuma Beseri, songa ekibuga ekyo kyayitibwanga
Luzi.
20 Awo Yakobo ne yeerayirira ng’agamba nti, “Katonda bw’alibeera
nange, n’ankuuma mu lugendo luno lwe ndiko, n’ampa emmere okulya
era n’ebyokwambala ne nkomawo mirembe mu nnyumba ya kitange,
21 olwo MUKAMA n’aba Katonda wange.
22 Era ejjinja lino lye nsimbye okuba empagi liriba nnyumba ya Katonda,
era n’ebyo byonna by’ompa ndikuwaako ekimu eky’ekkumi.”

# 29

*Olugendo lwa Yakobo*

1 Awo Yakobo ne yeeyongerayo mu lugendo lwe, n’atuuka mu nsi
y’abantu b’ebuvanjuba.
2 Bwe yatunula n’alaba oluzzi mu nnimiro, ng’ebisibo bisatu eby’endiga
zigalamidde awo ku lwo, kubanga awo we zaanywesezebwanga. Ejjinja
eryasaanikiranga ku mumwa gw’oluzzi olwo lyali ddene,
3 era ebisibo bwe byakuŋŋaananga, abasumba ne balyoka baliyiringisa
okuliggya ku mumwa gw’oluzzi ne banywesa endiga; bwe zaamalanga ne
balizzaako.
4 Awo Yakobo n’abuuza abasumba nti, “Abooluganda muva wa?” Ne
bamuddamu nti, “Tuva Kalani.”
5 Kwe kubabuuza nti, “Labbaani mutabani wa Nakoli mumumanyi?” Ne
bamuddamu nti, “Tumumanyi.”
6 N’abuuza nti, “Ali bulungi?” Ne baddamu nti, “Ali bulungi, era laba
Laakeeri muwala we wuuli ajja n’endiga!”
7 N’abagamba nti, “Mulabe, obudde bukyali bwa ttuntu, ekiseera tekin-
natuuka okukuŋŋaanya ensolo awamu, muzinywese mulyoke mugende
muzirunde.”
8 Bo kwe kumuddamu nti, “Ekyo tetusobola kukikola ng’ebisibo by-
onna tebinnakuŋŋaanyizibwa, nga n’ejjinja terinaggyibwa ku mumwa
gw’oluzzi, olwo ne tunywesa endiga.”

*Yakobo Asisinkana Laakeeri*

9 Yakobo bwe yali akyayogera nabo, Laakeeri n’atuuka n’endiga za
kitaawe. Kubanga ye yali azirunda.
10 Yakobo bwe yalaba Laakeeri, muwala wa Labbaani, mwannyina
nnyina, n’endiga za Labbaani, n’agenda n’ayiringisa ejjinja okuva ku
mumwa gw’oluzzi n’anywesa endiga za Labbaani.
11 Yakobo n’alyoka agwa Laakeeri mu kifuba, n’ayimusa eddoboozi
n’akaaba.

12 Yakobo n'alyoka ategeeza Laakeeri nti, waluganda ne kitaawe, era ye mutabani wa Lebbeeka. Laakeeri kwe kudduka n'ategeeza kitaawe.

13 Awo Labbaani bwe yawulira ebya Yakobo, mutabani wa mwannyina, n'adduka okumusisinkana, n'amugwa mu kifuba n'amulamusa bulungi, n'amutwala mu nnyumba ye. Yakobo n'ategeeza Labbaani byonna ebyaliwo.

14 Labbaani n'agamba nti, "Mazima oli ggumba lyange, era nnyama ya mubiri gwange! N'abeera naye omwezi mulamba."

15 Awo Labbaani n'agamba Yakobo nti, "Olw'okubanga oli waluganda ky'onoova ompeerereza obwereere? Ntegeeza empeera yo bw'eneebanga."

16 Labbaani yalina bawala be babiri; erinnya ly'omukulu nga ye Leeya ne ly'omuto nga ye Laakeeri.

17 Leeya yali manafu, kyokka ye Laakeeri nga mulungi era nga w'amaanyi.

18 Yakobo yayagala Laakeeri, era n'agamba Labbaani nti, "Nzija kukuweereza[*] emyaka musanvu olwa muwala wo omuto Laakeeri."

19 Labbaani kwe kumuddamu nti, "Kituufu okumuwa ggwe ne ssimuwa musajja mulala yenna. Beera nange."

20 Bw'atyo Yakobo n'akolerera Laakeeri emyaka musanvu, naye ne giba ng'ennaku obunaku gy'ali kubanga yamwagala nnyo.

21 Awo Yakobo n'agamba Labbaani nti, "Kale mpa mukazi wange, mmutwale, kubanga ekiseera kye twalagaana nkimazeeko."

22 Labbaani kwe kukuŋŋaanya abantu b'ekifo ekyo, n'akola embaga.

23 Naye mu kiro Labbaani n'atwala muwala we Leeya n'amuwa Yakobo okumutwala okuba mukazi we.[†]

24 Labbaani yali awadde Leeya Zirupa amuweerezenga.

25 Bwe bwakya, Yakobo n'alaba nga bamuwadde Leeya. Kwe kugamba Labbaani nti, "Onkoze ki kino? Saakuweereza lwa Laakeeri? Kale lwaki onimbye?"

26 Labbaani n'amuddamu nti, "Mu nsi yaffe tekiri mu buwangwa bwaffe, omuto okusooka omukulu okufumbirwa.

27 Sooka omale n'ono wiiki eno emu, n'oli tugenda kumukuwa; kyokka olimukolerera okumala emyaka emirala musanvu."

28 Ekyo Yakobo n'akikkiriza, n'amalako wiiki emu eyo, Labbaani n'alyoka amuwa Laakeeri muwala we okuba mukazi we.

29 Labbaani n'awa Laakeeri Biira amuweerezenga.

30 Yakobo n'atwala Laakeeri n'aba mukazi we; n'ayagala Laakeeri okusinga Leeya, n'aweereza Labbaani emyaka egyo emirala omusanvu.

### *Abaana ba Yakobo*

31 MUKAMA bwe yalaba nga Leeya akyayibbwa n'aggula olubuto lwe. Laakeeri ye yali mugumba.

32 Leeya n'aba olubuto, n'azaala omwana wabulenzi. N'amutuuma erinnya Lewubeeni, ng'agamba nti, "Kubanga MUKAMA alabye okubonyaabonyezebwa kwange: ddala baze ananjagala."

---

[*] **29:18** Anaawasa omugole ye yawangayo ebintu ebyogereza omuwala eri kitaawe w'omuwala (34:12). Kyokka bw'atabanga na kya kuwaayo, yapakasanga ewa kitaawe w'omuwala okumala ebbanga lye baalagaananga. [†] **29:23** Abakazi abafumbo beebikkiriranga, nga n'amaaso tegalabika.

33 N'aba olubuto olulala, n'azaala omwana mulenzi, n'agamba nti,
"Kubanga MUKAMA alabye nga ndi mukyawe, kyavudde ampa omwana
owoobulenzi omulala; n'amutuuma erinnya Simyoni."
34 Ate n'aba olubuto n'azaala omwana mulenzi, n'agamba nti, "Kale
kaakano baze ajja kuba bumu nange, kubanga mmuzaalidde abaana
abalenzi basatu." Omwana kyeyava atuumwa Leevi.
35 Era Leeya n'aba olubuto n'azaala omwana wabulenzi, n'agamba
nti, "Ku luno nzija kutendereza MUKAMA," kyeyava amutuuma Yuda;
n'alekayo okuzaala.

# 30

*Batabani ba Biira ne Zirupa*

1 Laakeeri bwe yalaba nga tazaalidde Yakobo baana, n'akwatirwa
muganda we obuggya; n'agamba Yakobo nti, "Mpa abaana oba si ekyo
nzija kufa!"
2 Obusungu bwa Yakobo ne bubuubuukira Laakeeri, n'amugamba nti,
"Nze Katonda akummye okuzaala?"
3 Laakeeri kwe kumwanukula nti, "Omuweereza wange Biira wuuno,
weetabe naye azaalire ku maviivi gange, ndyoke nfune abaana nga mpita
mu ye.*"
4 N'alyoka amuwa omuweereza we Biira okuba mukazi we, Yakobo ne
yeetaba naye.
5 Biira n'aba olubuto n'azaalira Yakobo omwana owoobulenzi.
6 Awo Laakeeri n'agamba nti, "Katonda ankoze bulungi, n'awulira
eddoboozi lyange, n'ampa omwana owoobulenzi." Kyeyava amutuuma
Ddaani.
7 Biira omuweereza omukazi owa Laakeeri n'aba olubuto ate, n'azaalira
Yakobo omwana owoobulenzi owookubiri.
8 Laakeeri n'alyoka agamba nti, "Nnwanye ne muganda wange okul-
wana okw'amaanyi era mpangudde;" omwana kyeyava amutuuma Nafu-
taali.
9 Awo Leeya bwe yalaba akomye okuzaala, n'addira omuweereza we
Zirupa n'amuwa Yakobo abe mukazi we.
10 Zirupa omuweereza wa Leeya n'alyoka azaalira Yakobo omwana
owoobulenzi;
11 Leeya n'agamba nti, "Guno mukisa gwennyini!" Kwe kumutuuma
Gaadi.
12 Ate Zirupa omuweereza wa Leeya n'azaalira Yakobo omwana owoob-
ulenzi owookubiri.
13 Leeya n'agamba nti, "Neesiimye! Kubanga abakazi banampita wa
mukisa;" kyeyava amutuuma Aseri.
14 Lumu mu biseera eby'amakungula g'eŋŋaano Lewubeeni n'agenda
mu nnimiro, n'anoga amadudayimu,† n'agaleetera nnyina Leeya. Laakeeri
n'agamba Leeya nti, "Nkusaba ompe ku madudayimu g'omwana wo."
15 Kyokka ye n'amuddamu nti, "Okiyita kitono ggwe okunnyagako baze?
Ate otwale n'amadudayimu g'omwana wange?" Laakeeri n'amugamba
nti, "Kale anaaba naawe ekiro kino olw'amadudayimu g'omwana wo."

---

* **30:3** weetabe naye azaalire ku maviivi gange, ndyoke nfune abaana nga mpita mu ye. Empisa eyo yaleetebwa mu nnyumba ya Ibulayimu okuva mu bantu ab'omu buvanjuba. † **30:14** Amadudayimu bibala ebiyamba ku luzaalo mu basajja n'abakazi.

16 Yakobo bwe yakomawo okuva mu nnimiro akawungeezi, Leeya n'afuluma okumusisinkana, n'amugamba nti, "Weetabe nange, kubanga nkuguze n'amadudayimu g'omwana wange." Kwe kwetaba naye.

17 Katonda n'awulira Leeya, n'aba olubuto, n'azaalira Yakobo omwana owoobulenzi owookutaano.

18 Leeya n'agamba nti, "Katonda ansasudde empeera yange, kubanga nawa baze, omuweereza wange," omwana kyeyava amutuuma Isakaali.

19 Leeya n'aba olubuto ate, n'azaalira Yakobo Omwana owoobulenzi ow'omukaaga.

20 Leeya kwe kugamba nti, "Katonda ampadde ekirabo, kaakano baze anaabanga nange, kubanga muzaalidde abaana aboobulenzi mukaaga." Ow'omukaaga kyeyava amutuuma Zebbulooni.

21 Oluvannyuma n'azaala omwana owoobuwala, n'amutuuma Dina.

22 Ate Katonda n'ajjukira Laakeeri, n'amuwulira n'aggula olubuto lwe.

23 N'aba olubuto n'azaalira Yakobo omwana owoobulenzi, Laakeeri n'agamba nti, "Katonda anziggyeeko okunyoomebwa;"

24 n'amutuuma Yusufu, ng'agamba nti, "Mukama annyongere omwana omulenzi."

### *Yakobo Ateesa ne Labbaani*

25 Laakeeri bwe yazaala Yusufu, Yakobo n'agamba Labbaani nti, "Nsiibula, ŋŋende ewaffe mu nsi yaffe.

26 Mpa bakazi bange n'abaana bange, be nkuweererezza, ondeke ŋŋende: kubanga omanyi okuweereza kwe nkuweerezza."

27 Labbaani kwe kumuddamu nti, "Nga bwe nfunye omukisa mu ggwe, nkusaba oleme kuva wano, kubanga ndabye nga Mukama yampa omukisa ku bubwo.

28 Ntegeeza empeera yo nange ngikuwe."

29 Yakobo n'amuddamu nti, "Ggwe kennyini omanyi nti nkuweerezza era n'ensolo zo nga nzaazizza.

30 Kubanga walina ntono nga sinnajja, naye zeeyongedde nnyo; era Mukama n'akuwa omukisa buli gye n'addanga. Naye kaakano nze ndikolera ddi ennyumba yange?"

31 Labbaani kwe ku mubuuza nti, "Nkuwe ki?" Yakobo n'amuddamu nti, "Tojja kubaako ky'ompa, okuggyako okunkolera kino, ndyoke nneeyongere okulunda ekisibo kyo:

32 nzikiriza mpite mu kisibo kyo leero, nziggyemu buli ndiga enkulu eza bugondo n'eza bitanga, n'endiga ento enzirugavu, n'embuzi eza bugondogondo n'ezabitanga mu mbuzi, era ezo ze zinaabeera empeera yange.

33 Kale oluvannyuma lwa byonna obutuukirivu bwange bulimpolereza bw'olijja okukebera bw'onsasudde. Bw'olisanga embuzi yonna etali ya bugondogondo n'eya bitanga, oba endiga yonna enkazi enzirugavu eyo eribalibwa nti nnagikubbako."

34 Labbaani n'amuddamu nti, "Ekyo kirungi. Kale kibeere bwe kityo nga bw'ogambye."

35 Naye ekiro ekyo Labbaani n'aggya mu kisibo embuzi ennume eza biwuuga n'eza bitanga, n'embuzi enkazi zonna eza bugondogondo n'eza bitanga, buli eyalina ebbala eryeru, na buli ndiga nzirugavu n'aziwa abaana be bazirunde;

36 nga beesudde ebbanga eritambulirwa ennaku ssatu okuva ku ye okutuuka ku Yakobo. Yakobo ye n'alunda ezo ezaasigalawo ku kisibo kya Labbaani.

37 Awo Yakobo n'addira obuti bw'omulibine omubisi, n'obw'omusakedi,
n'obw'omwalamoni n'abususumbulako ebikuta mu bukuubo.
38 N'asimba obuti bw'asasambudde mu maaso g'ebisibo ku by'esero
ensolo we zanyweranga.
39 Bwe zajjanga okunywa ne ziwakiranga mu maaso g'obuti obwo, ne
zizaalanga eza biwuuga, n'eza bugondogondo n'eza bitanga.
40 Yakobo n'ayawula ento ne zibeera zokka. Naye endala n'azitunuza ok-
wolekera eza biwuuga n'enzirugavu eza Labbaani. Bw'atyo ne yeekolera
ebisibo eby'enjawulo, n'atagatta zize na za Labbaani.
41 Buli nsolo enkazi ez'amaanyi bwe zaabanga zigenda okuwaka nga
Yakobo ateeka ku by'esero obuti bwe buli okwolekera ensolo ezigenda
okuwaka, ziwakire okumpi nabwo.
42 Naye ku nsolo ennafu teyabutekangawo. Olwo ensolo ennafu ne
zibanga za Labbaani, zo ez'amaanyi ne zibanga za Yakobo.
43 Mu ngeri eyo Yakobo n'agenda ng'agaggawalira ddala nnyo, n'afuna
ebisibo bingi ddala, wamu n'abaweereza abakazi n'abasajja; era n'afuna
n'eŋŋamira n'embalaasi.

# 31

*Yakobo Ateekateeka Okudda Ewaabwe*

1 Awo Yakobo n'awulira nga batabani ba Labbaani bagamba nti, "Yakobo
atutte ebyo byonna ebyali ebya kitaffe, era mu byali ebya kitaffe mw'aggye
obugagga buno bwonna."
2 Era Yakobo n'alaba nga Labbaani takyamufaako nga bwe yali olubere-
berye.
3 Awo MUKAMA n'agamba Yakobo nti, "Ddayo mu nsi ya bajjajjaabo, mu
bantu bo, era nnaabeeranga naawe."
4 Awo Yakobo kwe kutumya Laakeeri ne Leeya ku ttale gye baalundi-
ranga ekisibo.
5 Bwe baatuuka n'abagamba nti, "Ndaba nga kitammwe takyanfaako
nga bwe yakolanga olubereberye, naye Katonda wa kitange abadde nange.
6 Mumanyi bwe naweerea kitammwe n'amaanyi gange gonna.
7 Kyokka ye kitammwe yandyazaamanya n'akyusa empeera yange
n'agikendeeza emirundi kkumi; wabula Katonda n'atamukkiriza kundee-
tako kabi.
8 Kale bwe yagambanga nti, 'Eza bugondogondo ze zinaabanga ezizo
ekisibo kyonna ne kizaala eza bugondogondo, era bwe yayogeranga nti
eza biwuuga ze zinaabanga ezizo ekisibo kyonna ne kizaala eza biwuuga.'
9 Bw'atyo Katonda aggye ku kitammwe ensolo ze n'azimpa.
10 "Mu kiseera ensolo mwe ziwakira, naloota nga nnyimusa amaaso
gange nga ndaba embuzi ennume nga zirinyira enkazi eza biwuuga n'eza
bugondogondo n'eza kiweewoweewo.
11 Ne mu kirooto ekyo malayika wa Katonda n'ampita nti, 'Yakobo.' Ne
nziramu nti, 'Nze nzuuno.'
12 N'aŋŋamba nti, 'Yimusa amaaso go olabe, embuzi zonna ezirinnyira
ekisibo bwe ziri eza biwuuga, eza bugondogondo n'eza kiweewoweewo;
kubanga ndabye ebyo byonna Labbaani by'akukoze.
13 Nze Katonda w'e Beseri gye wafukira amafuta ku jjinja lye wasimba,
gye weeyamira obweyamo. Kale kaakano golokoka ove mu nsi muno,
oddeyo mu nsi gye wazaalirwa.' "

14 Awo Laakeeri ne Leeya ne bamuddamu nti, “Ekyo kituufu kubanga tetulina mugabo, mu busika bwa kitaffe.

15 Era atutwala ng’abatali ba mu nnyumba ye. Kubanga yatutunda, era ebyatuvaamu bya badde akozesa.

16 Eby’obugagga byonna Katonda bya muggyeko, bifuuse byaffe n’abaana baffe. Kale kaakano buli Katonda ky’akugambye okukola kikole.”

### *Yakobo Adduka Okuva ku Labbaani*

17 Awo Yakobo n’agolokoka, n’ateeka batabani be ne bakazi be ku ŋŋamira;

18 n’agoba ente ze zonna, n’ebisolo bye ebirala byonna bye yafuna: obugagga bwe bwonna bwe yafunira mu Padanalaamu, agende mu nsi ya Kanani eri kitaawe Isaaka.

19 Labbaani yali agenze kusala byoya ku ndiga ze, Laakeeri n’abba bakatonda b’omu nnyumba ya Labbaani.

20 Yakobo n’adduka ku Labbaani Omusuuli, era teyamutegeeza nti amuvaako agende.

21 Yadduka ne byonna bye yalina, n’agolokoka n’asomoka omugga Fulaati, n’ayolekera Giriyaadi ensi ey’ensozi.

22 Ku lunaku olwokusatu Labbaani bwe yategeezebwa nti Yakobo yamuddukako,

23 Labbaani n’atwala basajja be, n’awondera Yakobo okumala ennaku musanvu, mu Giriyaadi ensi ey’ensozi.

24 Naye Katonda n’ajjira Labbaani, Omusuuli, mu kirooto, ekiro, n’amugamba nti, “Weegendereze, toyogera na Yakobo kigambo kyonna, ekirungi oba ekibi.”

25 Awo Labbaani n’atuuka ku Yakobo, eyali akubye eweema ye mu nsi ey’ensozi, Labbaani ne basajja be nabo ne basiisira mu nsi ey’ensozi eya Giriyaadi.

26 Labbaani n’agamba Yakobo nti, “Okoze ki, okuntwalako bawala bange mu kyama ne babanga abanyage?

27 Kiki ekyakuddusa mu kyama nga tombuuliddeko, ndyoke, nkusibule mu kinyumu: n’ennyimba, n’ebitaasa, n’ennanga.

28 Kale lwaki tewaŋŋanya na kugwa mu kifuba bazzukulu bange ne bawala bange okubasiibula? Ekyo kye wakola si kya buntubulamu.

29 Mbadde nsobola okukukola akabi, wabula Katonda wa kitaawo yayogedde nange ekiro kino, n’aŋŋamba nti, ‘Weegendereze oleme okwogera ne Yakobo ekigambo kyonna, ekirungi oba ekibi.’

30 Ne kaakano ogenda kubanga wayagala nnyo okuddayo mu nnyumba ya kitaawo; naye wabbira ki bakatonda bange?”

31 Yakobo n’addamu Labbaani nti, “Natya, kubanga n’alowooza nti oyinza okunnyagako bawala bo.

32 Naye gw’onoosanga ne bakatonda bo taabe mulamu; waakufa. Mu maaso ga bantu baffe bano, ndaga ekikyo kye nnina okitwale.” Yakobo teyamanya nti Laakeeri abbye bakatonda ba Labbaani.

33 Labbaani n’ayingira mu weema ya Yakobo ne mu weema ya Leeya, ne mu weema ey’abaweereza bombi; naye n’atalaba bakatonda be. N’ava mu weema ya Leeya, n’ayingira mu ya Laakeeri.

34 Laakeeri yali atutte bakatonda ba Labbaani, n’abateeka ku matandiiko g’eŋŋamira, n’abatuulako. Labbaani n’ayaza weema yonna naye n’atabalabamu.

35 Laakeeri n'agamba kitaawe nti, "Mukama wange aleme okusun-
guwala kubanga sisobola kuyimirira w'oli kubanga ndi mu mpisa
y'abakazi." Labbaani n'anoonya naye n'atalaba bakatonda be.

36 Awo Yakobo n'alyoka ajjula obusungu ne yeejuumulira Labbaani,
n'amugamba nti, "Nzizizza musango ki? Kibi ki kye nnina, olyoke
ongoberere n'obukaali butyo?

37 Bw'oyazizza mu bintu byange, kikyo ki ky'osanzemu? Kiteeke wano
wakati mu maaso g'abantu bange n'ababo, balyoke basalewo omusobya
ku fembi.

38 "Emyaka gino gyonna amakumi abiri gye mbadde naawe, endiga zo
ne mbuzi zo tezisowolanga, era siryanga ndiga mu kisibo kyo.

39 Eyo eyataagulwanga ensolo enkambwe ey'omu nsiko
saagikuleeteranga, nze nafiirwanga, waginsabanga, wadde eyo
eyabbibwanga ekiro oba emisana nayo yabalirwanga ku nze.

40 Ekyo ne kindeetera essana okunzigwerangako, n'okubeeranga mu
mpewo ekiro, n'otulo ne tumbula.

41 Emyaka gino amakumi abiri mbadde mu nnyumba yo; n'akuweereza
emyaka kkumi n'ena olwa bawala bo bombi, ate ne nkuweereza emyaka
mukaaga mu kisibo kyo, kyokka okyusizza empeera yange emirundi
kkumi.

42 Singa Katonda wa kitange, era Katonda wa Ibulayimu, Katonda
Entiisa ya Isaaka teyali ku lwange, mazima ddala wandinsiibudde ngalo
nsa! Katonda yalabye okubonaabona n'okutegana kwange, kyeyavudde
akunenya ekiro."

### *Endagaano wakati wa Yakobo ne Labbaani*

43 Awo Labbaani n'addamu Yakobo nti, "Bano bawala bange, n'abaana
baabwe bazzukulu bange, n'ebisibo, bisibo byange era ne byonna byolaba
byange. Naye bawala bange n'abaana baabwe be bazadde, nnyinza
kubakolera ki leero?

44 Kale jjangu tukole endagaano gwe nange, ebeere omujulirwa wakati
wo nange."

45 Awo Yakobo n'addira ejjinja n'alisimba ng'empagi.

46 N'agamba abantu be nti, "Mukuŋŋaanye amayinja." Ne
bagakuŋŋaanya ne bagatuuma entuumo, ne baliira[*] awo awali entuumo.

47 Labbaani entuumu n'agiyita Yegalusakadusa, ye Yakobo n'agiyita
Galeedi.

48 Labbaani n'agamba nti, "Entuumo eno ye mujulirwa wakati wo nange
leero." Kyeyava agiyita Galeedi,

49 n'empagi n'agiyita Mizupa, kubanga yayogera nti, "MUKAMA
atunulenga wakati wo nange, nga twawukanye omu okuva ku munne.

50 Bw'oliyisa obubi bawala bange, oba bw'olibawasizaako abakazi
abalala, newaakubadde nga tewali muntu n'omu wakati waffe, ojjukire
nti Katonda ye mujulirwa wakati wo nange."

51 Awo Labbaani n'agamba Yakobo nti, "Laba entuumu eno n'empagi
bye ntadde wakati wo nange.

52 Entuumu eno ye mujulirwa era n'empagi nayo mujulirwa nga nze
sirisukka ntuumu eno na mpagi eno okukukola akabi.

53 Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Nakoli,[†] Katonda wa kitaabwe
atulamule."

---

[*] **31:46** Endagaano zaakakasibwanga na kijjulo. [†] **31:53** Nakoli yali muganda wa Ibulayimu
(11:26) ate era jjajja wa Labbaani (24:24, 29). Labbaani yasinzanga bakatonda bangi.

Yakobo naye n'alayirira bw'atyo Katonda, Entiisa ya kitaawe Isaaka.
54 Yakobo n'awaayo ssaddaaka ku lusozi; n'ayita abantu be okulya; ne
balya, ne basula ku lusozi ekiro ekyo.
55 Ku makya ennyo Labbaani n'agolokoka n'asiibula bazzukulu be ne
bawala be ng'abagwa mu kifuba; n'abawa omukisa, n'addayo ewuwe.

# 32

*Yakobo Yeeteekateeka Okusisinkana Esawu*

1 Awo Yakobo n'akwata ekkubo lye, bamalayika ba Katonda ne bamu-
sisinkana.
2 Yakobo bwe yabalaba n'agamba nti, "Lino ggye lya Katonda." Ekifo
ekyo n'alyoka akituuma Makanayimu.
3 Awo Yakobo n'atuma ababaka eri Esawu muganda we, mu kitundu kya
Seyiri* mu nsi ya Edomu.
4 N'abagamba nti, "Mugambe mukama wange Esawu nti, 'Omuddu wo
Yakobo abadde ne Labbaani okutuusa kaakano,
5 alina ente, n'endogoyi, n'endiga era n'embuzi, abaweereza abakazi era
n'abasajja. Kaakano aweerezza mukama we Esawu obubaka buno afune
okusaasirwa mu maaso ge.' "
6 Ababaka bwe baakomawo eri Yakobo ne bamugamba nti, "Twatuuka
ewa muganda wo Esawu era ajja okukusisinkana ng'alina abasajja
ebikumi bina."
7 Olwo Yakobo n'atandika okutiira ddala, n'asoberwa. N'ayawulamu
abantu be yali nabo, n'ayawulamu n'endiga, ebisibo bye yalina ne mu
ŋŋamira, ebibinja bibiri,
8 ng'alowooza nti, "Esawu bw'anaatuuka ku kibinja ekisooka
n'akizikiriza, kale ekibinja ekisigaddewo kinadduka."
9 Awo Yakobo n'agamba nti, "Ayi Katonda wa jjajjange Ibulayimu, era
Katonda wa kitange Isaaka, Ayi Mukama eyaŋŋamba nti, 'Ddayo mu nsi
yammwe, mu bantu bo, nange nnaakugaggawazanga,'
10 sisaanira wadde akatundu akatono ak'okwagala kwo okutaggwaawo,
wadde obwesigwa bwonna bw'olaze omuddu wo. Kubanga nasomoka
omugga guno Yoludaani nga nnina muggobuggo; naye kaakano nfuuse
ebibinja bibiri.
11 Nkusaba omponye mu mukono gwa muganda wange, Esawu, kubanga
mmutya, talwa kujja n'atutta ffenna awamu n'abakazi n'abaana.
12 Naye waŋŋamba nti, 'Nnaakugaggawazanga, era abalikuvaamu
baliba ng'omusenyu gw'ennyanja, ogutabalika obungi bwabwe.' "

*Ekirabo kya Yakobo eri Esawu*

13 N'alyoka asula eyo ekiro ekyo, n'aggya ekirabo kya muganda we
Esawu ku ebyo bye yalina:
14 embuzi enkazi ebikumi bibiri, embuzi ennume amakumi abiri, endiga
enkazi ebikumi bibiri, endiga ennume amakumi abiri,
15 eŋŋamira enkazi amakumi asatu n'obwana bwazo, ente enkazi
amakumi ana n'ennume kkumi, n'endogoyi enkazi amakumi abiri,
n'endogoyi ennume kkumi.
16 N'azikwasa abaddu be, buli kisibo ng'akyawudde, n'agamba abaddu
be nti, "Kale munkulemberemu, mulekeewo ebbanga wakati wa buli
kisibo."

---

* **32:3** Seyiri gye bujja kijja kufuuka ekifo ekikulu mu biro bya Dawudi ne Sulemaani.

17 N'alagira eyakulembera nti, "Esawu, muganda wange
bw'anaakusisinkana n'akubuuza nti, 'Oli muntu w'ani? Ogenda wa?
Na bino by'olina by'ani?'
18 N'olyoka omuddamu nti, 'Bya muddu wo Yakobo, birabo
by'aweerezza mukama wange Esawu, era tali wala naffe.' "
19 Bw'atyo era n'alagira n'owokubiri n'owookusatu ne bonna abaagob-
ereranga ebisibo nti, "Nammwe mwogere ebigambo bye bimu bwe
musisinkana Esawu,
20 era mugambe nti, 'Omuddu wo Yakobo tali wala naffe.' " Kubanga
Yakobo yalowooza nti, "Nnaamuwooyawooya n'ekirabo ekinkulembedde,
n'oluvannyuma nnaalaba amaaso ge, osanga tankole kabi."
21 Ekirabo kyekyava kimukulemberamu, ye n'asula mu kifo we yali ekiro
ekyo.

### *Yakobo Amegganira e Penieri*

22 Mu kiro ekyo Yakobo n'agolokoka n'atwala bakazi be bombi,
n'abaweereza be abakazi ababiri, n'abaana be ekkumi n'omu
n'asomokera e Yaboki.
23 N'abatwala ne byonna bye yalina n'abasomosa omugga.
24 Ye Yakobo n'asigala yekka, omusajja n'ameggana naye okutuusa
obudde okukya.
25 Omusajja bwe yalaba nga taasobole Yakobo, n'akoma ku kinywa
ky'ekisambi kye. Yakobo n'atandika okuwenyera nga bw'ameggana
n'omusajja.
26 Omusajja n'alyoka agamba Yakobo nti, "Ndeka ŋŋende kubanga
obudde bugenda kukya."
Naye Yakobo n'ayogera nti, "Sijja kukuta nga tompadde mukisa."
27 Omusajja n'amubuuza nti, "Erinnya lyo gw'ani?" N'amuddamu nti,
"Yakobo."
28 Awo n'amugamba nti, "Tokyaddayo kuyitibwa Yakobo. Wabula onooy-
itibwanga Isirayiri, kubanga omegganye ne Katonda, awamu n'abantu
n'owangula."
29 Awo ne Yakobo n'amugamba nti, "Mbuulira erinnya lyo." Naye
ye n'amuddamu nti, "Lwaki ombuuza erinnya lyange?" Awo n'amuwa
omukisa.
30 Yakobo ekifo ekyo kyeyava akiyita Penieri, ng'agamba nti, "Kubanga
ndabaganye ne Katonda, kyokka obulamu bwange ne busigalawo."
31 Enjuba n'evaayo ne mwakako nga bw'asala Penieri, ng'awenyera
olw'obuvune mu kisambi kye.
32 Abayisirayiri kyebava batalya kinywa ky'ekisambi na buli kati,
kubanga ekyo omusajja wa Katonda kye yakomako.

## 33

### *Yakobo ne Esawu Basisinkana*

1 Awo Yakobo n'ayimusa amaaso ge n'alaba Esawu ng'ajja ng'ali
n'abasajja ebikumi bina. Yakobo n'alyoka ayawulamu abaana abaali ne
Leeya ne Laakeeri awamu n'abaweereza be abakazi ababiri.
2 Abaweereza n'abaana baabwe ne bakulembera, Leeya n'abaana be ne
baddako, Laakeeri ne Yusufu ne basembayo.
3 Ye Yakobo ng'abakulembedde, nga bw'avuunama ku ttaka emirundi
musanvu, okutuusa lwe yatuuka okumpi ne muganda we.

4 Naye Esawu n'adduka okumusisinkana, n'amulamusa ng'amugwa mu
kifuba n'amunywegera; bombi ne bakaaba.
5 Esawu bwe yayimusa amaaso ge n'alaba abakazi n'abaana, n'abuuza
Yakobo nti, "Bano baani abali naawe?" Yakobo n'amuddamu nti, "Be
baana Katonda baawadde omuddu wo mu kisa kye."
6 Awo abaweereza be abakazi n'abaana baabwe ne basembera, ne
bavuunama, mu ngeri y'emu.
7 Leeya n'abaana be nabo ne basembera ne bavuunama. Oluvannyuma
Yusufu ne Laakeeri ne basembera nabo ne bavuunama.
8 Esawu n'abuuza Yakobo nti, "Otegeezaaki olwa bino byonna bye
nsanze?" Yakobo n'addamu nti, "Lwa kufuna kusaasirwa kwa mukama
wange."
9 Naye ye Esawu n'amugamba nti, "Bye nnina bimmala, muganda
wange, by'olina beera nabyo."
10 Yakobo n'amuddamu nti, "Nedda nkwegayiridde, obanga nfunye
okusaasirwa mu maaso go, kale kkiriza ekirabo kyange ekivudde mu ngalo
zange. Kubanga ddala okulaba ku maaso go kiri ng'okulaba amaaso ga
Katonda, olw'ekisa ekyo ky'onnyaniririzzaamu.
11 Nkwegayiridde kkiriza ekirabo kyange ekikuleeteddwa, kubanga
Katonda andaze ekisa kye, era siri mu bwetaavu." Bw'atyo Esawu
n'akikkiriza.
12 Awo Esawu n'agamba nti, "Kale tutambule, nze nzija okukukulember-
amu."
13 Naye Yakobo n'amuddamu nti, "Mukama wange amanyi nti abaana
banafu, era n'ebisibo biyonsa, era singa bitambuzibwa awatali busaasizi
bijja kufa.
14 Mukama wange k'aleke omuddu we, nze nzija kujja mpola, okusinzi-
ira ku ntambula y'ebisolo ebikulembedde, era ne ku ntambula y'abaana,
okutuusa lwe ndituuka mu Seyiri."

### *Yakobo Agenda e Sekemu*

15 Awo Esawu n'agamba Yakobo nti, "Kale ka ndeke abamu ku basajja
abali nange." Naye Yakobo n'amuddamu nti, "Tekyetaagisa. Kale nsaba
ekisa mu maaso ga mukama wange."
16 Bw'atyo Esawu n'addayo ku lunaku olwo mu Seyiri.
17 Naye Yakobo n'alaga mu Sukkosi, ne yeezimbira ennyumba,
n'azimbira n'ensolo ebisiisira; ekifo ekyo kyekiva kiyitibwa Sukkosi.
18 Era Yakobo n'atuuka mirembe mu kibuga Sekemu, mu nsi ya Kanani,
ng'ava e Padanalaamu, n'asiisira okwolekera ekibuga.
19 Abaana ba Kamoli kitaawe wa Sekemu ne bamuguza ekitundu mwe
yasiisira, n'abasasula ebitundu bya ffeeza kikumi.
20 N'azimbira eyo ekyoto n'akiyita Ekyoto kya Katonda wa Isirayiri.

## 34

### *Sekemu Asobya ku Dina*

1 Awo Dina muwala wa Leeya gwe yazaalira Yakobo, n'agenda
okukyalira abakazi ab'omu nsi eyo.
2 Sekemu mutabani wa Kamoli Omukiiti omufuzi w'ensi eyo n'amulaba
n'amukwata n'amusobyako.
3 Omwoyo gwa Sekemu ne gutwalibwa Dina muwala wa Yakobo,
n'amwagala n'ayogera naye ebigambo ebiweweevu.

4 Sekemu n’alyoka agamba kitaawe Kamoli nti, “Mpasiza omuwala ono abeere mukazi wange.”

5 Yakobo bwe yawulira nga Sekemu asobezza ku muwala we Dina, n’aba mukkakkamu okutuusa batabani be abaali balabirira ebisibo ku ttale lwe badda.

6 Kamoli kitaawe wa Sekemu n’agenda eri Yakobo okwogera naye.

7 Batabani ba Yakobo ne bakomawo eka nga bamaze okukitegeera. Ne banakuwala era ne basunguwalira nnyo Sekemu olw’okukola eky’ekivve era ekitasaana mu Isirayiri.

8 Kyokka ye Kamoli n’ayogera nabo ng’agamba nti, “Omwoyo gwa mutabani wange gwegomba nnyo muwala wo, nkwegayirira mumuwe amuwase.

9 Kkiriza tufumbiriganwenga, otuwe bawala bo, nammwe muwasenga bawala baffe.

10 Munaabeeranga mu ffe, era mukolenga buli kye mwagala mu nsi yaffe. Mubeeremu era musuubuliremu, mugaggawale nnyo.”

11 Sekemu naye n’ayogera ne Yakobo ne bannyina ba Dina, nti, “Nsaba ndabe ekisa mu maaso gammwe, era kyonna kye munansalira nzija kukibawa.

12 Munsabe ebyobuko ebirabo n’ebigenderako, byonna nzija kubibawa nga bwe binaaba binsabiddwa; kye muba munkolera kwe kumpa omuwala abeere mukazi wange.”

13 Batabani ba Yakobo ne baddamu Sekemu ne kitaawe Kamoli nga babakwenyakwenya kuba Sekemu yali asobezza ku mwannyinaabwe Dina.

14 Ne babagamba nti, “Ekyo tetusobola kukikola okuwa mwannyinaffe omuntu atali mukomole, kubanga kya muzizo gye tuli.

15 Kye muteekwa okukola, tulyoke tukkirize, kwe kufuuka nga ffe nga buli musajja mu mmwe akomolebbwa.

16 Tulyoke tubawe bawala baffe, era naffe tuwase bawala bammwe, tubeere mu mmwe tufuuke eggwanga limu.

17 Naye bwe mutakkiriza kukomolebwa, kale tunaatwala muwala waffe ne tugenda.”

### *Okwesasuza Olwa Dina*

18 Ebigambo byabwe ne bisanyusa Kamoli ne mutabani we Sekemu.

19 Era omuvubuka teyalwa kukomolebwa, kubanga yayagala nnyo muwala wa Yakobo. Omuvubuka oyo ye yali asinga okussibwamu ekitiibwa mu baana ba Kamoli bonna.

20 Awo Kamoli ne mutabani we Sekemu ne batuuka ku wankaaki* w’ekibuga kyabwe ne boogera n’abantu b’ekibuga kyabwe nga bagamba nti,

21 Abasajja abo mikwano gyaffe. Ka babeere mu nsi yaffe bakoleremu, kubanga, mulabe, ensi nnene ebamala. Ffe ka tuwase bawala baabwe era naffe tubawe bawala baffe.

22 Wabula buli musajja mu ffe ateekwa okukomolebwa, nga bo bwe bakola; tufuuke eggwanga limu, lwe banakkiriza okubeera mu ffe.

23 Olwo ente zaabwe, ebintu byabwe n’ensolo zaabwe zonna tebiibe byaffe? Kye tuba tukola kwe kukkiriziganya nabo, balyoke babeere mu ffe.

---

* **34:20** wankaaki Abakadde b’ekibuga baasisinkananga ku wankaaki w’ekibuga okubaako ensonga ze bateesaako.

24 Abasajja bonna abaali ku mulyango ebweru w'ekibuga ne bakki-
riziganya ne Kamoli ne mutabani we Sekemu; buli musajja eyafuluma
ebweru w'omulyango gw'ekibuga n'akomolebwa.
25 Bwe waayitawo ennaku ssatu, nga bakyali mu bulumi, batabani ba
Yakobo: Simyoni ne Leevi bannyina Dina ne baddira ebitala byabwe ne
balumba ekibuga, abaamu nga tebategedde, ne batta buli musajja.
26 Battiramu Kamoli ne mutabani we Sekemu ne baggya Dina mu
nnyumba ya Sekemu ne beetambulira.
27 Awo batabani ba Yakobo ne bagwa ku munyago ne banyaga ekibuga
olwa mwannyinaabwe.
28 Ne batwala ebisibo by'endiga, amagana g'ente, n'endogoyi, na buli
ekyali mu kibuga ne ku ttale.
29 N'obugagga bwonna, n'abaana bonna awamu n'abakazi, na buli
ekyali mu mayumba, byonna ne babiwamba ne babinyaga.
30 Awo Yakobo n'agamba Simyoni ne Leevi nti, "Mundeetedde
akacwano, nfuuse wa kukyayibwa abantu bonna ab'omu nsi, Abakanani
n'Abaperezi. Ffe tuli batono, kale bwe baneekuŋŋaanya ne bannumba
nzija kumalibwawo, nze n'ennyumba yange yonna."
31 Bo ne bamuddamu nti, "Lwaki yayisa mwannyinaffe ng'omwenzi?"

# 35

### *Katonda Azza Obuggya Endagaano ne Yakobo*

1 Katonda n'agamba Yakobo nti, "Golokoka oyambuke e Beseri, obeere
eyo, ozimbire Katonda ekyoto, eyakulabikira bwe wadduka muganda wo
Esawu."
2 Awo Yakobo n'agamba ab'omu nnyumba ye ne bonna abaali naye
nti, "Muggyeewo bakatonda abalala abali nammwe, mwetukuze mukyuse
ebyambalo byammwe,
3 tulyoke twambuke tugende e Beseri ndyoke nzimbire Katonda ekyoto,
Katonda eyanziramu mu nnaku ez'okunakuwala kwange, era abadde
nange buli gye ŋŋenze.
4 Awo ne bawa Yakobo bakatonda abalala bonna be baalina, n'empeta
ezaali ku matu gaabwe;* Yakobo n'abiziika wansi w'omuvule ogwali
okumpi ne Sekemu."
5 Bwe baali batambula, entiisa ya Katonda n'egwa ku bibuga ebyali
bibeetoolodde, ne batagoberera baana ba Yakobo.
6 Yakobo n'ajja e Luzi, ye Beseri, ekiri mu nsi ya Kanani, ye n'abantu
bonna abaali naye.
7 N'azimba eyo ekyoto, n'akituuma Erubeeseeri. Kubanga eyo Katonda
gye yamweragira bwe yadduka muganda we.
8 Debola omujjanjabi wa Lebbeeka n'afa n'aziikibwa wansi w'omuvule,
wansi wa Beseri kyekyava kiyitibwa Alooninakusi.
9 Yakobo bwe yava mu Padanalaamu Katonda n'amulabikira, n'amuwa
omukisa.
10 Katonda n'amugamba nti, "Erinnya lyo ggwe Yakobo; tokyaddayo
kuyitibwa Yakobo, erinnya lyo linaabanga Isirayiri." Bwe kityo erinnya
lye ne liba Isirayiri.

---
* **35:4** Empeta ez'oku matu zaakozesebwanga ng'ensiriba.

[11] Katonda n'amugamba nti, "Ndi Katonda Ayinzabyonna: zaala oyale,
eggwanga n'enkuyanja y'amawanga biriva mu ggwe, ne bakabaka balisi-
buka mu ggwe.
[12] Ensi gye nawa Ibulayimu ne Isaaka, ndigikuwa ggwe, era ndigiwa
n'ezzadde lyo eririddawo."
[13] Awo Katonda n'alinnya okuva waali mu kifo we yayogerera naye.
[14] Yakobo n'asimba empagi mu kifo Katonda mwe yayogerera naye,
empagi ey'ejjinja; n'agiyiwako ekiweebwayo ekyokunywa, n'ayiwako
n'amafuta.
[15] Yakobo ekifo Katonda we yayogerera naye n'akiyita Beseri.
[16] Bwe baava e Beseri, era nga bakyali walako okuva Efulasi, Laakeeri
n'alumwa, n'alumwa ddala nnyo.
[17] Bwe yali ng'alumwa bw'atyo omuzaalisa n'amugamba nti, "Totya
kubanga kaakano onoofuna omwana omulala owoobulenzi."
[18] Omwoyo bwe gwali gumuggwaamu ng'afa, n'amutuuma Benoni, naye
kitaawe n'amuyita Benyamini.
[19] Awo Laakeeri n'afa n'aziikibwa ku kkubo erigenda Efulasi (ye
Besirekemu).
[20] Yakobo n'asimba empagi ku malaalo ge, y'empagi y'amalaalo ga
Laakeeri, ekyaliwo n'okutuusa kaakano.
[21] Isirayiri ne yeeyongera okutambula, n'akuba eweema ye, emabega
w'omunaala gwa Ederi.
[22] Isirayiri bwe yali ng'ali mu nsi omwo Lewubeeni n'agenda ne yeebaka
ne Biira omuweereza wa kitaawe, Isirayiri n'akiwulira.

Batabani ba Yakobo baali kkumi n'ababiri.
[23] Batabani ba Leeya baali:
Lewubeeni mutabani wa Yakobo omubereberye,
ne Simyoni, ne Leevi, ne Yuda, ne Isakaali ne Zebbulooni.
[24] Batabani ba Laakeeri ye:
Yusufu ne Benyamini.
[25] Batabani ba Biira, omuweereza wa Laakeeri be ba:
Ddaani ne Nafutaali.
[26] Batabani ba Zirupa omuweereza wa Leeya be ba:
Gaadi ne Aseri.
Bano be batabani ba Yakobo abaamuzaalirwa mu Padanalaamu.

### *Okufa kwa Isaaka*

[27] Awo Yakobo n'ajja eri kitaawe Isaaka e Mamule, oba Kiriyasaluba, ye
Kebbulooni, Ibulayimu ne Isaaka mwe baatuulanga.
[28] Isaaka yawangaala emyaka kikumi mu kinaana.
[29] Isaaka n'afa ng'akaddiye nnyo n'agenda abantu be gye bagenda,
ng'amaze ennaku nnyingi, batabani be Esawu ne Yakobo ne bamuziika.

## 36

### *Ezadde lya Esawu*

[1] Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Esawu, ye Edomu.
[2] Esawu yawasa abakazi ng'abaggya mu Bakanani: Yawasa Ada
muwala wa Eroni Omukiiti, ne Okolibama muwala wa Ana mutabani
wa Zibyoni Omukiivi,
[3] ne Basimansi muwala wa Isimayiri muganda wa Nebayoosi.

4 Ada n'azaalira Esawu Erifaazi, ne Basimansi n'azaala Leweri;
5 ne Okolibama n'azaala Yewusi, ne Yalamu ne Koola; abo be batabani
ba Esawu abaamuzaalirwa mu nsi ya Kanani.
6 Awo Esawu n'atwala bakazi be, ne batabani be, ne bawala be
n'abantu be bonna, n'ente ze, awamu n'ebintu bye byonna bye yafuna
mu nsi ya Kanani; n'agenda mu nsi ey'ewala ku ya muganda we Yakobo.
7 Kubanga obugagga bwabwe bwali bungi nnyo nga tebukyaba-
sobozesa kubeera wamu n'ensi mwe baali ng'ebafundiridde olw'obungi
bw'ebisolo byabwe.
8 Olwo ye Esawu, era ye Edomu, n'abeera mu nsi ey'ensozi za Seyiri.
9 Bino bye bifa ku b'olulyo lwa Esawu, kitaawe w'Abaedomu abaamuza-
alirwa ng'ali mu nsi y'ensozi za Seyiri.

10 Batabani be baali:
Erifaazi eyamuzaalirwa Ada, ne Leweri eyamuzaalirwa Basimansi.
11 Batabani ba Erifaazi baali
Temani, ne Omali, ne Zefo, ne Gatamu ne Kenazi.
12 Timuna yali mukazi wa Erifaazi, mutabani wa Esawu era yamuza-
alira Ameleki. Abo be batabani ba Ada mukazi wa Esawu.
13 Bano be batabani ba Leweri:
Nakasi, ne Zeera, ne Saama ne Mizza. Abo be bazzukulu ba Esawu ne
mukazi we Basemasi.
14 N'abaana ba Okolibama muwala wa Ana, muzzukulu wa Zibyoni,
baali
Yewusi, ne Yalamu ne Koola, be yazaalira bba Esawu.

15 Bano be bakulu b'enda ya Esawu:
Enda ya Erifaazi omubereberye wa Esawu:
Temani, ne Omali, ne Zefo, ne Kenazi,
16 ne Koola, ne Gatamu ne Amaleki abaali mu nsi ya Edomu be
batabani ba Ada.
17 Enda ya Leweri mutabani wa Esawu:
Nakasi, ne Zeera, ne Samma ne Mizza nabo baali mu nsi ya Edomu,
era baava mu Basimansi, mukazi wa Esawu.
18 Abaazaalibwa Okolibama mukazi wa Esawu, muwala wa Ana:
Yewusi, ne Yalamu ne Koola.
19 Abo bonna be baava mu Esawu, ye Edomu, era be bakulu b'enda
zaabwe.

20 Batabani ba Seyiri Omukooli abaabeeranga mu Edomu be ba
Lotani, ne Sobali, ne Zibyoni, ne Ana,
21 ne Disoni, ne Ezeri ne Disani. Abo be baava mu Bakooli, be baana
ba Seyiri abaali mu nsi ya Edomu.
22 Batabani ba Lotani baali
Kooli, ne Kemamu, era Lotani yalina mwannyina nga ye Timuna.
23 Batabani ba Sobali be ba
Aluvani, ne Manakasi, ne Eberi, ne Sefo ne Onamu.
24 Aba Zibyoni, be ba
Aya ne Ana; ono ye Ana eyavumbula ensulo z'amazzi agookya, ezaali
mu ddungu; bwe yali ng'alunda endogoyi za kitaawe Zibyoni.
25 Abaana ba Ana be ba
Disoni ne Okolibama omuwala.
26 Bo batabani ba Disoni be ba

Kemudaani, ne Esubani, ne Isulani ne Kerani.
27 Aba Ezeri be ba
Birani, ne Zaavani ne Akani.
28 Ate aba Disani be ba
Uzi ne Alani.
29 Bano be bakulu b'enda za Bakooli:
Lotani, ne Sobali, ne Zibyoni, ne Ana,
30 ne Disoni, ne Ezeri ne Disani.
Bano be bakulu b'enda za Bakooli ng'ebika byabwe bwe byali, mu nsi ya Seyiri.

*Bakabaka ba Edomu*

31 Bakabaka abafuga ensi ya Edomu, nga tewannaba na kabaka afuga Isirayiri be bano:
32 Bera mutabani wa Byori yafuga Edomu ng'asinziira mu kibuga kye Dinukaba.
33 Bera bwe yafa Yobabu mutabani wa Zeera ow'e Bozula n'afuga mu kifo kye.
34 Yobabu bwe yafa Kusamu Omutemani n'afuga mu kifo kye.
35 Ne Kusamu bwe yafa, Kadadi mutabani wa Bedadi, eyawangula Midiyaani, mu nsi ya Mowaabu n'afuga mu kifo kye; ng'afugira mu kibuga ky'e Avisi.
36 Ate Kadadi bwe yafa, Samula ow'e Masuleka n'afuga mu kifo kye.
37 Samula bwe yafa Sawuli ow'e Lekobosi, ku mugga Fulaati n'afuga mu kifo kye.
38 Sawuli bwe yafa, Baalukanani mutabani wa Akubooli n'afuga mu kifo kye.
39 Ate Balukanani mutabani wa Akubooli bwe yafa, Kadali n'afuga mu kifo kye, ng'ali mu kibuga kye Pawu; mukazi we yayitibwanga Meketaberu muwala wa Mezakabu ne Matirida.

40 Bano be bakulu b'enda zaabo abaava mu Esawu, nga bwe baali mu bifo byabwe:
Timuna, ne Aluva, ne Yesesi,
41 ne Okolibama, ne Era, ne Pinoni,
42 ne Kenazi, ne Temani, ne Mibuza,
43 ne Magidiyeri, ne Iramu.
Abo be bakulu b'enda ya Edomu, ye Esawu kitaawe wa Edomu, okusinziira mu bifo mwe baali mu nsi y'obutaka bwabwe.

# 37

*Ekirooto Kya Yusufu n'Obukyayi bwa Baganda be*

1 Yakobo yabeeranga mu Kanani, ensi bajjajjaabe mwe baatambuliratambuliranga.

2 Era bino bye bifa ku lulyo lwa Yakobo:

Yusufu bwe yali nga wa myaka kkumi na musanvu ng'ali ne baganda be batabani ba Biira ne Zirifa, nga balunda ekisibo ky'endiga, Yusufu n'ategeezanga Yakobo kitaabwe ebintu ebibi bye baakolanga.

3 Bw'atyo Isirayiri n'ayagala nnyo Yusufu okusinga abaana be abalala,
kubanga nga ye mwana ow'omu bukadde bwe; n'amutungira ekyambalo
eky'amabala amangi.
4 Naye baganda ba Yusufu bwe baalaba nga kitaabwe amwagala
okusinga bo ne bakyawa Yusufu, ne batayinza na kwogera naye na kisa.
5 Lumu Yusufu n'aloota ekirooto, n'agenda n'akitegeeza baganda be, ne
beeyongera nnyo okumukyawa.
6 Yabagamba nti, "Muwulire ekirooto kino kye naloose.
7 Twali tusiba ebinywa by'eŋŋaano nga tuli mu nnimiro, ekinywa
kyange ne kiyimuka ne kiyimirira; laba ebinywa byammwe ne bikyebun-
gulula ne bikivuunamira."
8 Baganda be ne bamugamba nti, "Olowooza olitufuga? Olowooleza
ddala nti tulibeera baddu bo?" Olwo ne beeyongera nnyo okumukyayira
ddala olw'ekirooto kye n'ebigambo bye.
9 Ate n'aloota ekirooto ekirala n'akitegeeza baganda be, n'agamba nti,
"Ndoose ekirooto ekirala: ne ndaba enjuba n'omwezi n'emmunyeenye
ekkumi n'emu nga binvuunamira."
10 Naye bwe yakitegeeza kitaawe ng'ali wamu ne baganda be, kitaawe
n'amunenya ng'agamba nti, "Kirooto ki kino ky'oloose? Ddala nze ne
nnyoko awamu ne baganda bo tulijja ne tuvuunama mu maaso go?"
11 Baganda be ne bamukwatirwa obuggya, kyokka ye kitaabwe
n'akuuma ekigambo ekyo mu mutima gwe.

### *Yusufu Atundibwa Baganda be*

12 Awo baganda ba Yusufu ne bagenda okumpi ne Sekemu okulunda
ekisibo kya kitaabwe.
13 Isirayiri n'alyoka agamba Yusufu nti, "Nga baganda bo bwe balundira
e Sekemu, jjangu nkutume gye bali." Yusufu n'amuddamu nti, "Nzuuno
ntuma."
14 N'alyoka amugamba nti, "Genda kaakano olabe obanga baganda bo
n'ekisibo bali bulungi, okomewo ontegeeze." Awo n'amutuma okuva mu
kiwonvu kya Kebbulooni, n'atuuka e Sekemu.
15 Awo omusajja n'amulaba ng'atangatangira ku ttale, n'amubuuza nti,
"Onoonya ki?"
16 N'amuddamu nti, "Noonya baganda bange, nkwegayiridde mbuulira
gye balundira ekisibo."
17 Omusajja n'amuddamu nti, "Beeyongerayo, kubanga nabawulira nga
bagamba nti, 'Ka tugende e Dosani.' " Awo Yusufu n'agoberera baganda
be n'abasanga e Dosani.
18 Baganda be ne bamulengera ng'akyali wala, era bwe yali nga
tannabasemberera ne bateesa bamutte.
19 Ne bagambagana nti, "Sekalootera wuuyo ajja.
20 Kale mujje tumutte, tumusuule mu kimu ku binnya;* tuligamba nti,
'Ensolo enkambwe ye yamulya; tulabe ebirooto bye bwe birituukirira.' "
21 Naye Lewubeeni bwe yakiwulira n'agezaako okumuwonya mu
mikono gyabwe n'agamba nti, "Tetumutta.
22 Tuleme kuyiwa musaayi; ka tumusuule mu bunnya buno wano mu
nsiko. Temumuteekako mukono gwammwe." Yayogera bw'atyo alyoke
amuwonye mu mikono gyabwe, amuddize kitaawe.

* **37:20** binnya Entobo y'ebinnya ebyo yali ngazi okusinga omumwa gwabyo (Yer 38:6, 13)

23 Awo Yusufu bwe yatuuka ku baganda be ne bamwambulamu
ekyambalo kye eky’amabala amangi kye yali ayambadde:
24 ne bamutwala ne bamusuula mu bunnya obwali obukalu nga
tebuliimu mazzi.
25 Awo bwe baatuula okulya, ne bayimusa amaaso ne balengera ekibiina
ky’Abayisimayiri nga bava e Gireyaadi, ng’eŋŋamira zaabwe zeettise
ebyakaloosa, n’envumbo ne mooli nga bali mu lugendo babitwala e Misiri.
26 Yuda kwe kugamba baganda be nti, “Kitugasa ki okutta muganda
waffe n’okuyiwa omusaayi gwe?
27 Tumuguze Abayisimayiri. Omukono gwaffe guleme okumubaako,
kubanga muganda waffe, omubiri gwaffe gwennyini.” Baganda be ne
bakkiriziganya naye.
28 Abasuubuzi, Abayisimayiri bwe baabatuukako ne baggya Yusufu mu
bunnya, ne bamuguza Abayisimayiri. Baamubaguza ebitundu bya ffeeza
amakumi abiri; ne bamutwala e Misiri.
29 Lewubeeni bwe yadda n’alaga ku bunnya n’alaba nga Yusufu taliimu,
n’ayuza engoye ze,
30 n’addayo eri baganda be n’abagamba nti, “Omwana taliiyo. Kale
naamunoonyeza wa?”
31 Awo ne baddira ekyambalo kya Yusufu, ne batta embuzi, ne
bakinnyika mu musaayi.
32 Ne baddira ekyambalo ekyo eky’amabala amangi ne bakitwalira
kitaabwe ne bamugamba nti, “Twalaba ekyambalo kino, kikebere olabe
obanga kye kya mutabani wo.”
33 N’akyetegereza n’agamba nti, “Kye kyambalo kya mutabani wange!
Ensolo enkambwe yamulya. Ddala Yusufu yataagulwataagulwa.”
34 Awo Yakobo n’ayuza ebyambalo bye, n’akungubagira Yusufu okumala
ebbanga ddene.
35 Batabani be bonna ne bawala be ne bagenda gy’ali okumusanyusa,
kyokka ye n’atakkiriza kusanyusibwa. N’agamba nti, “Nedda, ndikka
emagombe nga nkyakungubagira omwana wange Yusufu.” Bw’atyo
Yakobo n’akungubagira nnyo Yusufu.
36 Mu kiseera kyekimu Abamidiyaani bwe baatuuka e Misiri, Yusufu ne
bamuguza Potifali, omu ku bakungu ba Falaawo; omukungu oyo ye yali
omukulu wa bambowa.

# 38

1 Awo olwatuuka Yuda n’ava ku baganda be n’aserengeta, n’ayingira
ew’Omudulamu, erinnya lye, Kira.
2 Yuda n’alabayo muwala wa Suwa, Omukanani, n’amuwasa, ne yeetaba
naye,
3 n’aba olubuto n’azaala omwana owoobulenzi n’amutuuma erinnya
Eri.
4 Mukyala wa Yuda n’aba olubuto olulala n’azaala omwana omulenzi
n’amutuuma Onani.
5 Ate n’azaala omwana omulala n’amutuuma Seera. Yamuzaalira mu
Kezibu.
6 Era Yuda n’awasiza mutabani we omukulu, Eri, omukazi erinnya lye
Tamali.
7 Naye Eri mutabani wa Yuda omukulu n’aba mwonoonyi mu maaso ga
MUKAMA; MUKAMA n’amutta.

8 Awo Yuda n'agamba Onani nti, "Genda eri muka muganda wo, ofunire muganda wo ezzadde."

9 Naye Onani n'amanya nti ezzadde teririba lirye; bw'atyo bwe yeetaba naye, amannyi n'agafuka wansi aleme okufunira muganda we ezzadde.

10 Ekyo kye yakola kyali kibi mu maaso ga MUKAMA. N'ono MUKAMA kyeyava amutta.

11 Awo Yuda olw'okutya nti Seera ayinza okufa nga baganda be, n'agamba Tamali nti, "Ogira obeera nnamwandu, ng'oli mu nnyumba ya kitaawo okutuusa Seera lw'alikula." Tamali kwe kugenda n'abeera mu nnyumba ya kitaawe.

### *Yuda ne Tamali*

12 Bwe waayitawo ebbanga mukazi wa Yuda, muwala wa Suwa n'afa. Yuda bwe yayita mu kukungubaga, n'agenda ne Kira Omudulamu e Timuna eri basajja be abasazi b'ebyoya by'endiga ze.

13 Tamali bwe kyamubuulirwa nti, "Sezaala wo agenda e Timuna okusala ebyoya by'endiga ze,"

14 n'asuula eri ebyambalo by'obwannamwandu ne yeeteekako ekiremba ne yeebikkirira, n'atuula ku mulyango gwa Enayimu, ekiri ku kkubo ng'ogenda e Timuna. Kubanga yamanya nti, Seera akuze, kyokka nga tamuweereddwa ku muwasa.

15 Yuda bwe yamulaba, n'amulowooza okuba omu ku bamalaaya, kubanga yali abisse amaaso ge.

16 N'agenda gy'ali ku mabbali g'ekkubo, n'amugamba nti, "Jjangu, neetabe naawe," kubanga teyamanya nti ye yali muka mutabani we. Tamali kwe ku mubuuza nti, "Onompa ki bwe neetaba naawe?"

17 Yuda n'amuddamu nti, "Nnaakuweereza embuzi ento." N'amubuuza nti, "Onompa omusingo nga tonnagimpeereza?"

18 Yuda n'amuddamu nti, "Nkuwe musingo ki?" N'amugamba nti, "Akabonero ko, akajegere ko awamu n'omuggo gwo oguli mu mukono gwo." Awo n'abimuwa, ne yeetaba naye, n'amufunyisa olubuto.

19 Tamali n'agolokoka n'agenda, n'aggyako ekiremba n'ayambala ebyambalo by'obwannamwandu bwe.

20 Yuda bwe yatuma mukwano gwe Omudulamu, okutwala omwana gw'embuzi, addizibwe omusingo teyalaba ku mukazi.

21 Bwe yabuuliriza ab'omu kifo omwo, omukazi malaaya eyali Enayimu ku mabbali g'ekkubo, ne bamuddamu nti, "Wano tewabeeranga mukazi malaaya."

22 N'alyoka addayo eri Yuda n'amugamba nti takubikako kimunye; era n'abantu ab'ekitundu ekyo bamutegeezeza nti, "Awo tewabangawo mukazi malaaya*."

23 Yuda kwe kumugamba nti, "Omukazi oli, ebintu k'abisigaze tuleme okusekererwa, naweereza embuzi eno, naye n'atalabikako."

### *Perezi ne Zeera Bazaalibwa*

24 Emyezi ng'esatu bwe gyayitawo ne bagamba Yuda nti, "Muka mwana wo Tamali yafuuka mwenzi. Ate ebyo nga biri awo obwenzi obwo yabufunamu n'olubuto." Yuda kwe kwejuumuula nga bw'agamba nti, "Mumuleete ayokebwe."

---

* **38:22** malaaya Abakazi abo bamalaaya baalina akakwate ku nzikiriza ya balubaale b'oluzaalo

25 Tamali bwe yali atwalibwa n'atumira sezaala we Yuda n'amugamba
nti, "Omusajja nannyini bintu bino ye kazaalabulwa. Nkusaba weete-
gereze ebintu bino: akabonero, akajegere n'omuggo, by'ani?"
26 Awo Yuda n'abitegeera n'agamba nti, "Omuwala mutuukirivu okun-
singa, kubanga saamuwa mutabani wange Seera." Yuda n'atamuddira.
27 Ekiseera eky'okuwona bwe kyatuuka n'alabika nga wakuzaala ba-
longo.
28 Era bwe yali mu ssanya omulongo omu n'afulumya omukono gwe,
omuzaalisa n'agukwata n'agusibako akawuzi akaakakobe nga bw'agamba
nti, "Ono y'asoose okujja."
29 Naye omulongo bwe yazzaayo omukono gwe munda, muganda
we n'afuluma; omuzaalisa n'agamba nti, "Lwaki owaguzza?" Erinnya
ly'omwana kyeryava liba Pereezi.†
30 Oluvannyuma muganda we n'afuluma n'akawuzi akaakakobe nga
kali ku mukono gwe, n'ayitibwa Zeera.

# 39

*Yusufu ne Muka Potifali*

1 Awo Yusufu bwe yatwalibwa e Misiri, Potifali omukungu wa Falaawo,
omukulu w'abambowa Omumisiri n'amugula okuva ku Bayisimayiri
abaamutwala e Misiri.
2 MUKAMA n'aba ne Yusufu n'aba n'omukisa ng'ali mu nnyumba ya
mukama we Omumisiri.
3 Ne mukama we n'alaba nga MUKAMA amuwadde omukisa mu buli
ky'akola.
4 Awo Yusufu n'aganja nnyo mu maaso ga mukama we,
n'amulabiriranga, n'amufuula omukulu we nnyumba ye ne byonna
bye yalina.
5 Okuva olwo MUKAMA n'awa omukisa ennyumba y'Omumisiri olwa
Yusufu. Omukisa gwa MUKAMA ne guba ku byonna bye yalina, mu
nnyumba ne mu nnimiro.
6 Awo Omumisiri n'ateeka byonna mu mikono gya Yusufu. Yusufu
n'avunaanyizibwanga byonna okuggyako emmere mukama we gye
yalyanga.*

Kyokka Yusufu yali mulungi nnyo, mubalagavu.

7 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebbanga eriwerako, mukyala wa
mukama we namutunuulira n'okwegomba era n'amugamba nti, "Wee-
bake nange."
8 Naye Yusufu n'agaana, n'agamba mukazi wa mukama we nti, "Laba,
mukama wange yankwasa byonna ebiri mu nnyumba, n'abiteeka byonna
mu mikono gyange,
9 era tewali n'omu ansinga mu nnyumba ye, tewali na kimu
ky'atankwasa okuggyako ggwe, kubanga ggwe oli mukazi we. Kale
nnyinza ntya okuyingira mu kwonoona okwenkanidde awo n'okusobya
eri Katonda?"
10 Newaakubadde muka mukama we yamutayirira, Yusufu ye teya-
muwulira na mulundi na gumu.

---

† **38:29** Pereezi yali jjajja wa Dawudi * **39:6** Emmere y'Abamisiri yali yanjawulo ku y'Abayudaaya (43:32), era waabangawo obulombolombo obwagobererwanga mu kuteekateeka emmere y'Abamisiri

11 Naye lwali lumu Yusufu bwe yayingira mu nju okukola emirimu gye nga tewali n’omu mu nnyumba,

12 muka mukama we n’akwata ekyambalo kya Yusufu nga bw’agamba nti, “Weegatte nange.” Yusufu n’amwesimatulako, ekyambalo kye ne kisigala mu ngalo z’omukazi wa mukama we. Ye n’adduka n’ava mu nnyumba.

13 Naye omukazi bwe yalaba ng’asigazza ekyambalo kya Yusufu,

14 n’ayita abasajja ab’omu nnyumba ye n’abagamba nti, “Mulabe, yatuleetera Omwebbulaniya okutuduulira, yazze gye ndi okwebaka nange,

15 bw’awulidde nga ndeekaana n’adduka n’ava mu nnyumba.”

16 Awo kwe kutereka ekyambalo okutuusa mukama wa Yusufu lwe yadda eka.

17 Omukyala n’abuulira bba byonna ng’agamba nti, “Omuddu Omwebbulaniya gwe watuleetera, yayingidde gye ndi okunjooga.

18 Naye nabadde nakaleekaana, n’aleka ekyambalo kye gye ndi, n’adduka n’ava mu nnyumba.”

### *Yusufu Ateekebwa mu Kkomera*

19 Awo mukama wa Yusufu bwe yawulira ebigambo omukazi bye yamutegeeza ng’agamba nti, “Bw’ati ne bw’ati omuddu wo bwe yampisizza,” obusungu bwa bba ne bubuubuuka.

20 Mukama wa Yusufu n’akwata Yusufu n’amuteeka mu kkomera omwasibirwanga abazzizza emisango eri kabaka.

21 Naye MUKAMA n’abeera ne Yusufu, n’amulaga okwagala kwe okutalojjeka. N’aganja nnyo mu maaso g’omukuumi w’ekkomera.

22 Omukuumi w’ekkomera n’ateeka abasibe bonna mu mikono gya Yusufu, era buli ekyakolebwanga nga Yusufu y’akirinako obuvunaanyizibwa.

23 Omukuumi w’ekkomera nga tafaayo ku buli ekyalinga mu mikono gya Yusufu, kubanga MUKAMA yali naye, era MUKAMA n’amuwa omukisa mu buli kye yakolanga.

# 40

### *Yusufu Annyonnyola Ebirooto*

1 Oluvannyuma lw’ebyo omusenero wa kabaka w’e Misiri wamu n’omukulu wa bafumbi be ne banyiiza mukama waabwe kabaka w’e Misiri.

2 Falaawo n’asunguwalira nnyo abakungu be abo: omusenero n’omukulu w’abafumbi,

3 n’abawaayo mu mikono gy’omukulu w’ekkomera, Yusufu mwe yali.

4 Omukulu w’ekkomera n’abawa Yusufu okubakuuma, n’abalabirira, ne babeera mu kkomera.

5 Naye ekiro kimu omusenero n’omukulu wa bafumbi aba kabaka w’e Misiri abaali mu kkomera ne baloota, buli omu ekirooto kye, era nga buli kimu kirina amakulu gaakyo.

6 Yusufu bwe yajja gye bali ku makya, n’abalaba nga beeraliikirivu.

7 N’alyoka abuuza abakungu ba Falaawo abaali naye mu kkomera, mu nnyumba ya mukama waabwe nti, “Lwaki leero mulabika nga mweraliikiridde?”

8 Ne bamuddamu nti, “Twaloose ebirooto, naye tewali wa kubivvu-
unula.” Awo Yusufu n’abagamba nti, “Katonda y’abivvuunula. Kale
mbasaba mubimbuulire.”
9 Awo omusenero n’ategeeza Yusufu ekirooto kye n’agamba nti, “Nal-
abye omuti omutiini mu kirooto.
10 Ku mutiini nga kuliko amatabi asatu, gwabadde gwakatojjera ne
gumulisa, ebirimba ne bibaako zabbibu ennyengevu.
11 Nga nkute ekikopo kya Falaawo mu ngalo zange, ne nzirira zabbibu
ne nzikamulira mu kikopo kya Falaawo, ne nkimukwasa.”
12 Yusufu n’alyoka amugamba nti, “Gano ge makulu gaakyo: amatabi
asatu, ze nnaku esatu;
13 mu nnaku ssatu Falaawo alikuggya mu kkomera n’akuzza mu kifo
kyo, era olimukwasa ekikopo nga bwe wakolanga edda ng’oli musenero
we.
14 Kyokka onzijukiranga ng’otuuse mu maaso ga Falaawo, onzijukiranga
n’onjogerako gy’ali nkwegayiridde, alyoke anzigye mu kkomera.
15 Kubanga ddala naggyibwa buggyibwa mu nsi y’Abaebulaniya; ate na
wano sirina kye nakola kinsaanyiza kuteekebwa mu kkomera.”

### *Ekirooto ky’Omukulu wa Bafumbi*

16 Omukulu w’abafumbi ba Falaawo bwe yalaba ng’amakulu g’ekirooto
ky’oli gaali malungi, n’agamba Yusufu nti, “Nange naloose ekirooto: nga
neetisse ku mutwe ebibbo by’emigaati bisatu.
17 Mu kibbo ekyokusatu mwabaddemu buli ngeri ya mmere enjokye eya
Falaawo. Kyokka ng’ennyonyi zigiriira ku mutwe gwange.”
18 Awo Yusufu n’amuddamu nti, “Gano ge makulu gaakyo: ebibbo
ebisatu z’ennaku ssatu;
19 bwe wanaayitawo ennaku ssatu Falaawo ajja kukutemako omutwe,
akuwanike ku muti, omulambo gwo guliibwe ebinyonyi.”
20 Ku lunaku olwokusatu, lwali lunaku lwa mazaalibwa ga Falaawo,
n’akolera abaweereza be bonna embaga, n’atumya omusenero n’omukulu
w’abafumbi.
21 Omusenero n’amuzza ku mulimu gwe, n’atandika okuweereza
Falaawo,
22 kyokka ye omukulu w’abafumbi n’amuwanika ku muti, nga Yusufu
bwe yavvuunula ebirooto byabwe.
23 Naye omusenero n’atajjukira Yusufu n’amwerabira n’atamussaako
mwoyo.

## 41

### *Ekirooto kya Falaawo*

1 Oluvannyuma lw’emyaka ebiri emirambirira, Falaawo n’aloota
ng’ayimiridde ku mugga Kiyira;
2 laba mu mugga ne muvaamu ente ennungi ensava musanvu, ne ziriira
mu bisaalu.
3 Era laba ente endala embi enkovvu musanvu nazo ne ziva mu mugga,
ne ziyimirira wamu na ziri ku lubalama lw’omugga.
4 Ente enkovvu, embi ne zirya ente ennungi ensava. Awo Falaawo
n’azuukuka.
5 Ate n’addamu okwebaka n’aloota ekirooto ekirala, laba ebirimba
eby’emmere ey’empeke musanvu ebigimu nga biri ku kiti kimu.

6 Era laba oluvannyuma ebirimba ebirala musanvu nga bikaze
olw'empewo ez'ebbugumu ez'ebuvanjuba nabyo ne biddirira.
7 Awo ebirimba biri ebikaze ne bimira ebirimba biri omusanvu ebigimu
ebirungi. Falaawo n'azuukuka, laba nga kibadde kirooto.
8 Awo ku makya Falaawo ne yeeraliikirira; n'atumya ne baleeta abalogo
bonna ab'e Misiri, n'abagezigezi baamu bonna; Falaawo n'abategeeza
ekirooto kye, kyokka ne watabaawo n'omu eyasobola okukivvuunulira
Falaawo.
9 Awo omusenero wa Falaawo n'agamba Falaawo nti, "Ntegedde
nasobya nnyo.
10 Falaawo bwe yasunguwalira abaddu be, nze n'omukulu w'abafumbi
n'atuteeka mu kkomera,
11 ekiro kimu omukulu wa bafumbi nange twaloota ebirooto, nga buli
kimu kirina amakulu ga njawulo ku kinnaakyo.
12 Mu ffe mwalimu omuvubuka Omwebbulaniya nga muddu wa mukulu
w'abambowa; bwe twamutegeeza nannyonnyola buli omu ekirooto kye
nga bwe kyali.
13 Nga bwe yatunnyonnyola era bwe kityo bwe kyali; nze nazzibwa ku
mulimu gwange, ye omufumbiro, n'awanikibwa ku muti."

### *Falaawo Ategeeza Yusufu Ekirooto kye*

14 Awo Falaawo n'atumya baleete Yusufu, ne bamuleeta mangu okumug-
gya mu kkomera. Bwe yamala okumwebwa omutwe* n'okukyusa engoye
ze, n'ajja mu maaso ga Falaawo.
15 Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Naloose ekirooto, naye tewali n'omu
ayinza kukivvuunula."
16 Yusufu n'addamu Falaawo nti, "Si nze nzija okukikola, wabula
Katonda y'anaabuulira Falaawo amakulu gaakyo."
17 Awo Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Laba, bwe nabadde nga nneebase
ne ndoota nga nnyimiridde ku lubalama lw'omugga Kiyira;
18 ente ennungi ensava musanvu ne ziva mu mugga ne ziriira mu
bisaalu;
19 ate ente endala ennafu embi ennyo enkovvu ze sirabangako mu nsi
y'e Misiri nazo ne zijja.
20 Awo ente embi enkovvu ne zirya ente ziri omusanvu ensava
ezaasoose,
21 naye bwe zamaze okuzirya nga toyinza na kutegeera nti ziziridde,
kubanga nga nkovvu nga bwe zaabadde olubereberye. Awo ne ndyoka
nzuukuka.
22 "Ate era mu kirooto kyange nalabye ebirimba ebigimu ebirungi
musanvu nga biri ku kiti kimu,
23 n'ebirimba ebirala musanvu ebikaze olw'empewo ez'ebbugumu
ez'ebuvanjuba, nabyo ne bivaayo.
24 Ebirimba ebikaze ne bimira biri ebigimu. Ebyo nabitegeezezza
abagezigezi ne wabulawo n'omu abivvuunula."
25 Awo Yusufu n'agamba Falaawo nti, "Ekirooto kya Falaawo kiri kimu:
Katonda alaze Falaawo ky'agenda okukola.
26 Ente omusanvu ennungi gy'emyaka musanvu n'ebirimba omusanvu
ebigimu gy'emyaka musanvu; ekirooto kiri kimu.

---

* **41:14** okumwebwa omutwe Abamisiri baamwanga ebirevu n'enviiri, ekintu Abaebbulaniya kye bataakolanga.

27 Ente omusanvu embi enkovvu ezajja oluvannyuma, gy'emyaka musanvu, n'ebirimba omusanvu ebikaze olw'empewo ez'ebbugumu ez'ebuvanjuba gy'emyaka omusanvu egy'enjala.
28 "Nga bwe ŋŋambye Falaawo, Katonda alaze Falaawo ekyo ky'agenda okukola.
29 Wajja kubaawo emyaka musanvu egy'ekyengera mu nsi yonna ey'e Misiri,
30 naye oluvannyuma lwagyo waliddawo emyaka musanvu egy'enjala eryerabiza ekyengera mu nsi yonna ey'e Misiri; enjala eribuna ensi.
31 Ekyengera tekirimanyika n'akatono olw'enjala empitirivu era embi ennyo, eribuna Misiri yenna.
32 Ekirooto kya Falaawo kyekivudde kiddiŋŋanwa, kitegeeza nti ekintu Katonda akikakasa era ajja kukituukiriza mangu.
33 Kale kaakano Falaawo alonde omusajja omukalabakalaba era ow'amagezi amuwe obuvunaanyizibwa ku nsi yonna ey'e Misiri.
34 Era asseewo abalabirira balabirire ensi bakuŋŋaanye ekimu ekyokutaano eky'emmere ey'empeke yonna mu nsi ey'e Misiri okumalirako ddala emyaka omusanvu egy'ekyengera.
35 Bakuŋŋaanye emmere eyo mu myaka egijja egy'ekyengera, bazimbe ebyagi ebinene mu buli kibuga bagikuŋŋaanyize omwo olw'ekiragiro kya Falaawo, bagikuume.
36 Emmere eyo eriterekebwa olw'enjala eriba mu nsi okumalako emyaka omusanvu egy'enjala erigwa mu Misiri yonna; ensi ereme okuzikirizibwa enjala."

### *Falaawo Afuula Yusufu Omufuzi*

37 Ebigambo bya Yusufu ne biwulikika bulungi mu matu ga Falaawo n'ag'abaweereza be bonna.
38 Falaawo n'agamba abaweereza be nti, "Tuyinza okufuna omuntu ng'ono Yusufu omuli Omwoyo wa Katonda?"
39 Awo Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Katonda nga bw'akulaze bino byonna, tewali mulala mukalabakalaba, omugezi okukwenkana ggwe.
40 Gw'onoofuganga olubiri lwange, era abantu bange banaakolanga kyonna ky'onoobalagiranga; wabula nze kabaka n'abanga waggulu wo."
41 Awo Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Laba, nkutadde wo okufuga ensi yonna ey'e Misiri."
42 Olwo Falaawo n'alyoka aggya empeta† ku ngalo ye n'aginaanika Yusufu, n'amwambaza ekyambalo ekya linena omulungi, n'omukuufu ogwa zaabu mu bulago bwe.
43 N'amuwa n'okutambuliranga mu ggaali lye eriddirira mu kitiibwa ng'erya Falaawo mwe yatambuliranga. Bonna ne bavuunama mu maaso ga Yusufu nga bwe bagamba nti, "Muvuuname." Bw'atyo Falaawo n'amuteekawo okufuga ensi yonna ey'e Misiri.
44 Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Nze Falaawo, naye awatali kigambo kyo tewali muntu aliyimusa mukono gwe newaakubadde ekigere kye mu Misiri."
45 Falaawo n'atuuma Yusufu erinnya Zafenasipaneya; n'amuwa Asenaasi muwala wa Potiferi kabona wa Oni okuba mukazi we. Bw'atyo Yusufu n'atambula okubuna Misiri yonna.

### *Ekirooto Kituukirira*

† **41:42** Empeta zakozesebwanga okukakasa ebiwandiiko ebikulu.

46 Yusufu yali aweza emyaka amakumi asatu bwe yatandika okuweereza
Falaawo, ye kabaka w'e Misiri. Awo Yusufu n'ava mu maaso ga Falaawo
n'agenda n'abuna Misiri yenna.
47 Mu myaka omusanvu egy'ekyengera emmere yabala n'ekamala.
48 Yusufu n'akuŋŋaanya emmere mu Misiri mu myaka omusanvu
egy'ekyengera n'agiterekera mu byagi ebinene mu bibuga. Mu buli kibuga
n'akuŋŋaanyizamu emmere eyavanga mu nnimiro ezikyetoolodde.
49 Yusufu n'atereka emmere mpitirivu, n'ebanga omusenyu ogw'oku
nnyanja, okutuusa lwe yalekeraawo okugipima, nga tekisoboka kugipima.
50 Omwaka ogw'enjala nga tegunnatuuka Yusufu yafuna abaana aboob-
ulenzi babiri, Asenaasi, muwala wa Potiferi kabona wa Oni be yamuza-
alira.
51 Omwana eyasooka yamutuuma Manase, kubanga Yusufu yagamba
nti, "Katonda anneerabizza obuzibu bwange bwonna, n'ennyumba ya
kitange."
52 Owookubiri n'amutuuma Efulayimu, kubanga yagamba nti, "Katonda
anjazizza mu nsi mwe nabonaabonera."
53 Awo emyaka omusanvu egy'ekyengera ekyali mu nsi y'e Misiri ne
giggwaako.
54 Emyaka omusanvu egy'enjala ne gitandika nga Yusufu bwe yayogera.
Enjala n'egwa n'ebuna mu nsi zonna, kyokka yo mu Misiri nga emmere
mweri.
55 Enjala bwe yagwa mu Misiri, abantu ne bakaabira Falaawo
olw'emmere. Falaawo n'agamba Abamisiri nti, "Mugende eri Yusufu;
ky'anaabagamba, kye muba mukola."
56 Kale enjala bwe yabuna Misiri, Yusufu n'asumulula ebyagi by'emmere
byonna; n'aguza Abamisiri emmere.
57 Ensi zonna nazo ne zijja e Misiri eri Yusufu okugula emmere; kubanga
enjala yayitirira mu nsi zonna.

# 42

### *Baganda ba Yusufu Bajja e Misiri*

1 Yakobo bwe yategeera nga mu Misiri eriyo emmere, n'agamba
batabani be nti, "Lwaki mutunula butunuzi?
2 Mpulidde nti mu Misiri eriyo emmere, muserengete mutugulireyo
emmere, tube balamu, tuleme okufa."
3 Awo baganda ba Yusufu ekkumi ne baserengeta e Misiri okugula
emmere.
4 Kyokka Yakobo n'atasindika Benyamini, muto wa Yusufu wamu ne
baganda be kubanga yatya nti akabi kayinza okumutuukako.
5 Bwe batyo batabani ba Isirayiri ne bajja mu Misiri wamu n'abalala
abajja okugula emmere, kubanga ensi ya Kanani yali ejjudde enjala.

### *Yusufu Asanga Baganda be*

6 Mu kiseera ekyo Yusufu ye yali afuga Misiri; nga y'aguza abantu
emmere. Awo baganda be ne bajja ne bamuvuunamira.
7 Yusufu n'abalaba n'abategeera, wabula n'abayisa nga b'atamanyi
n'ayogera nabo n'obukambwe. N'ababuuza nti, "Muva wa?" Ne
bamuddamu nti, "Tuva mu nsi ya Kanani, tuzze kugula mmere."
8 Bw'atyo Yusufu n'ategeera baganda be kyokka bo ne batamutegeera.
9 Awo Yusufu n'ajjukira ebirooto bye ku bo. N'abagamba nti, "Muli
bakessi; muzze kuketta nsi yaffe mulabe bw'eri ennafu."

10 Ne bamuddamu nti, “Nedda mukama waffe; abaddu bo tuzze kugula
mmere.
11 Ffenna tuli batabani ba musajja omu, tuli basajja ba mazima. Abaddu
bo tetuli bakessi.”
12 Ye n’abaddamu nti, “Nedda muzze kulaba obunafu bw’ensi yaffe bwe
buli.”
13 Ne bamuddamu nti, “Abaddu bo tuli kkumi na babiri, tuli baana ba
muntu omu mu nsi ya Kanani, laba muto waffe n’olwa leero ali ne kitaffe,
n’omulala yafa.”
14 Naye Yusufu n’alumiriza nti, “Kiri nga bwe mbagambye, muli bakessi.
15 Nzija kubategeerera ku kino, ndayidde obulamu bwa Falaawo temujja
kuva wano, okuggyako nga muto wammwe aleeteddwa wano.
16 Mutume omu ku mmwe, aleete muganda wammwe, mwe mubeere
mu kkomera, ebigambo byammwe byetegerezebwe obanga ddala bye
mwogedde bya mazima. Oba si ekyo ndayidde obulamu bwa Falaawo,
muli bakessi.”
17 Awo n’abateeka bonna mu kkomera okumala ennaku ssatu.
18 Ku lunaku olwokusatu Yusufu n’abagamba nti, “Mukole bwe muti
okuwonya obulamu bwammwe, kubanga ntya Katonda;
19 obanga ddala muli basajja b’amazima, omu ku baganda bammwe
asigale ng’asibiddwa mu kkomera, abalala mugende mutwalire abantu
bammwe emmere,
20 mundeetere muto wammwe, olwo ebigambo byammwe bikakasibwe
muleme okufa.” Awo ne bakola bwe batyo.
21 Awo ne bagambagana nti, “Ddala tuliko omusango gwa muganda
waffe, kubanga twalaba nga mweraliikirivu, bwe yatwegayirira ne
tutamuwuliriza; akabi kano kyekavudde katutuukako.”
22 Lewubeeni kwe kubaddamu nti, “Nnabagamba muleme kukola kabi
ku mulenzi, nga mmwe temumpuliriza; kale omusaayi gwe kyeguva
gutuwalanwako.”
23 Ne batamanya nti Yusufu ategedde bye boogedde, kubanga bayo-
geranga naye nga bayita mu mutaputa.
24 Awo Yusufu n’atunula ebbali n’akaaba, ate n’akyuka gye bali
n’ayogera nabo. Awo n’atwala Simyoni n’amusiba nga balaba.
25 N’alagira bajjuze ensawo zaabwe eŋŋaano, era bazze ensimbi za buli
omu mu nsawo ye, baweebwe n’entanda; ne bibakolerwa.
26 Awo ne batikka endogoyi zaabwe eŋŋaano ne bagenda.
27 Naye omu ku bo bwe yasumulula ensawo ye okuliisa endogoyi ye nga
bali mu kifo mwe baasula, n’alaba ensimbi ze ku mumwa gw’ensawo;
28 n’agamba baganda be nti, “Ensimbi zange baazinzirizza, ziizino mu
kamwa k’ensawo yange!” Ekyo ne kibeeralikiriza, buli omu n’atandika
okutya, nga bwe bagamba nti, “Kiki kino Katonda ky’atukoze!”

### *Batabani ba Yakobo Bamutegeeza*

29 Bwe baakomawo mu nsi ya Kanani eri Yakobo kitaabwe ne ba-
mutegeeza byonna ebyababaako, nga bagamba nti,
30 “Omusajja omufuzi w’ensi y’e Misiri yayogera naffe n’obukambwe
era n’atuyisa nga abaali bagenze okuketta ensi ye.
31 Naye ne tumugamba nti, Tuli basajja b’amazima, tetuli bakessi,
32 tuli abooluganda kumi na babiri, baana ba muntu omu, munnaffe
yafa, ne muto waffe olwa leero ali ne kitaffe mu nsi ya Kanani.

33 “Awo omusajja oyo omufuzi w’ensi n’atugamba nti, ‘Ku kino kwen-
naategeerera nga muli beesigwa: muleke wano omu ku baganda bammwe,
mutwale eŋŋaano olw’enjala eri mu maka gammwe.
34 Mundeetere muto wammwe, kwe nnaategeerera nga temuli bakessi,
muli basajja b’amazima, olwo ne ndyoka mbawa muganda wammwe,
mulyoke mugule emmere mu nsi eno.’ ”
35 Bwe baatuuka eka, buli eyafukumulanga ensawo ye, laba
ng’omuvumbo gw’ensimbi ze mweziri. Awo bo ne kitaabwe bwe baalaba
emivumbo gy’ensimbi ne batya.
36 Yakobo kitaabwe n’abagamba nti, “Munzigyeko abaana bange: Yusufu
taliiwo, ne Simyoni taliiwo ne kaakano mwagala muntwaleko Benyamini!”
37 Awo Lewubeeni n’agamba kitaawe nti, “Ottanga batabani
bange bombi, bwe sirikomyawo Benyamini gy’oli; mumpe, nange
ndimukomyawo gy’oli.”
38 Naye Yakobo n’agamba nti, “Mutabani wange tajja kuserengeta
nammwe, kubanga muganda we yafa, era ye y’asigalawo yekka. Akabi
bwe kalimutuukako mu lugendo lwe mugendako, muliserengesa envi
zange emagombe nga nkyali munakuwavu.”

# 43

*Olugendo lw’e Misiri Olwokubiri*

1 Awo enjala bwe yayinga obungi mu nsi,
2 era nga ne mmere gye baggya e Misiri yonna eriiriddwa, kitaabwe
n’abagamba nti mugende mutugulire emmere.
3 Naye Yuda n’amuddamu nti, “Omusajja yatukuutirira ddala ng’agamba
nti, ‘Temulinyanga ekigere mu maaso gange nga temuzze na muganda
wammwe.’
4 Bw’onokkiriza tuserengete ne muganda waffe okugula emmere, olwo
tunaagenda.
5 Naye bw’otomukkirize kugenda naffe, tetujja kuserengeta, kubanga
omusajja yatugamba nti, ‘Temugenda kulaba maaso gange nga muganda
wammwe tali nammwe.’ ”
6 Isirayiri kwe kubaddamu nti, “Mwankola ki kino eky’obubalagaze ne
mugamba omusajja nti mulina muganda wammwe omulala.”
7 Ne bagamba nti, “Omusajja yatubuuza nnyo ebitufaako awamu n’ebifa
ku lulyo lwaffe, ng’abuuza nti, ‘Kitammwe gyali mulamu? Mulina
muganda wammwe omulala?’ Kye twamutegeeza nga kiddamu buzzi
ebibuuzo bye yatubuuzanga. Tetwamanya ng’anaatugamba okuserengesa
muganda waffe.”
8 Era Yuda n’agamba Isirayiri kitaawe nti, “Mpa omulenzi tulyoke
tugende tube balamu, tuleme okufa enjala, ffe naawe n’abaana baffe.
9 Nze newaddeyo okumukuuma, olimubuuza nze. Bwe sirikumuddiza,
ne mussa mu maaso go mbeereko omusango ennaku zonna.
10 Kubanga singa tetwalwa twandibadde tukomyewo omulundi ogwoku-
biri.”
11 Awo Isirayiri kitaabwe n’abagamba nti, “Bwe kinaaba bwe kityo,
kale mukole bwe muti: mutwale ebimu ku bibala bya muno mu nsawo
zammwe, mutwalire omusajja ekirabo: envumbo ntono, n’omubisi,
n’omugavu, n’obubaane ne mooli n’ebinyeebwa ne Alumoni.
12 Mutwale n’ensimbi za mirundi ebiri nga mutwala na ziri ezaali ku
mimwa gye nsawo zammwe, osanga omuntu yakola nsobi.

13 Mutwale ne muganda wammwe, musituke muddeyo eri omusajja.
14 Katonda Ayinzabyonna abawe omukisa mu maaso g’omusajja, alyoke
aleke muganda wammwe oli awamu ne Benyamini bakomewo. Obanga
obulumi bw’okufa kw’abaana bange bulintuukako, kale.”

### *Baganda ba Yusufu Baddayo e Misiri*

15 Awo ne batwala ebirabo n’ensimbi za mirundi ebiri, ne Benyamini ne
baserengeta naye e Misiri ne bayimirira mu maaso ga Yusufu.
16 Awo Yusufu bwe yalaba nga bali ne Benyamini n’agamba omuweereza
we nti, “Bayingize mu nnyumba, otte ensolo ofumbe ekijjulo, kubanga
abasajja abo baakulya nange ekyemisana.”
17 Omusajja n’akola nga Yusufu bwe yamulagira, n’ayingiza abasajja mu
nnyumba ya Yusufu.
18 Abasajja ne batya olw’okutwalibwa mu nnyumba ya Yusufu, ne
bagamba nti kino kizze lwa nsimbi ezatuddizibwa ne ziteekebwa mu
nsawo zaffe omulundi guli, kyetuvudde tuleetebwa wano, anoonye
ensonga ku ffe atuvunaane, atufuule abaddu awambe n’endogoyi zaffe.
19 Awo ne bambuka n’omuweereza mu nnyumba ya Yusufu,
20 ne bagamba nti Ayi mukama waffe, twajja omulundi ogwasooka
okugula emmere,
21 bwe twatuuka mu kifo we twasula, ne tusumulula ensawo zaffe,
nga mu buli kamwa k’ensawo ya buli omu mulimu ensimbi ze ezaali
ez’okugula emmere, kyetuvudde tuzizza,
22 era tuleese n’endala olw’okugula emmere. Tetumanyi yateeka nsimbi
mu nsawo zaffe.
23 Ye n’abaddamu nti, “Mubeere bagumu temutya. Katonda wammwe
era Katonda wa kitammwe ye yabateekera obugagga mu nsawo zammwe;
ensimbi zammwe nazifuna.” Awo kwe kubaleetera Simyoni.
24 Omusajja bwe yamala okuyingiza abasajja abo mu nnyumba ya
Yusufu, nga bamaze n’okunaaba ebigere, ng’amaze n’okuliisa endogoyi
zaabwe,
25 ne bateekateeka ekirabo kya Yusufu bakimuwe mu ttuntu, kubanga
baamanya nga bajja kuliira eyo.

### *Yusufu Alya ne Baganda be*

26 Yusufu bwe yakomawo eka ne bamuleetera ekirabo kye baalina ne
bamuvuunamira.
27 N’ababuuza bwe bali, n’ababuuza nti, “Kitammwe akyali mulamu
bulungi?”
28 Ne bamuddamu nti, “Ssebo, kitaffe akyali mulamu era ali bulungi.”
Ne bavuunama mu bukkakkamu.
29 Yusufu bwe yayimusa amaaso, n’alaba Benyamini muganda we,
mutabani wa nnyina. N’ababuuza nti, “Ono ye muto wammwe gwe
mwantegeezako? Katonda akuwe omukisa mwana wange.”
30 Awo Yusufu n’ayanguwa okuva mu maaso gaabwe, kubanga omu-
tima gwe gwalumwa olwa muganda we, n’anoonya ekifo w’anaakabira.
N’alinnya mu kisenge kye n’akaabira eyo.
31 N’anaaba amaziga n’afuluma, n’aguma n’alagira emmere egabwe.
32 Ye ne bamuwa eyiye yekka, ne baganda be bokka, n’Abamisiri
abalya naye nabo ne bagabulwa bokka, kubanga Abamisiri tebalyanga
n’Abaebulaniya, kubanga kyali kivve eri Abamisiri.

33 Awo baganda ba Yusufu ne batuula mu maaso ge nga baddiriŋŋana
okuva ku mukulu mu buzaale bwabwe okutuuka ku muto; ne batunula-
ganako nga beewuunya.
34 Yusufu n'abakoleza ebitole okuva ku mmeeza ye, naye ekitole kya
Benyamini ne kisinga ekya baganda be emirundi etaano. Bwe batyo ne
balya ne basanyukira wamu ne Yusufu.

# 44

*Ekikopo kya Ffeeza Kibula*

1 Awo Yusufu n'alagira omuweereza mu nnyumba ye nti, "Jjuza ensawo
z'abasajja emmere nga bwe basobola okugyetikka, era oteeke ensimbi za
buli omu mu nsawo ye.
2 Era oteeke ekikopo kyange, ekya ffeeza, mu kamwa k'ensawo ya muto
waabwe, wamu n'ensimbi ze ez'okugula emmere." N'akola nga Yusufu
bwe yamugamba.
3 Emmambya eba evaayo abasajja ne basiibulwa n'endogoyi zaabwe.
4 Bwe baali baakava mu kibuga Yusufu n'agamba omuweereza we nti,
"Golokoka obagoberere bw'obatuukako obabuuze nti, 'Lwaki musasudde
ekibi olw'ebirungi? Lwaki mubbye ekikopo kyange ekya ffeeza?
5 Mu kino mukama wange si mwanywera, era si kyalaguza? Mu ekyo
mukoze bubi.' "
6 Bwe yabatuukako n'abategeeza ebigambo ebyo.
7 Ne bamugamba nti, "Mukama waffe lwaki ayogedde ebigambo ebyo?
Olowooza tuli bantu ba ngeri ki abayinza okukola ekintu ng'ekyo?
8 Laba, ensimbi ze twasanga ku mimwa gy'ensawo zaffe twazikuddiza
okuva mu nsi ya Kanani, kale twandisobodde tutya okubba ffeeza oba
zaabu okuva mu nnyumba ya mukama wo?
9 Oyo gw'onookisanga nakyo mu ffe abaddu bo, afe, era naffe tuliba
baddu ba mukama wange."
10 N'abaddamu nti, "Kale kibeere nga bwe mwogedde, oyo anaasan-
gibwa nakyo abeere muddu wange, naye abalala mu mmwe tewaabe
abaako ky'avunaanwa."
11 Amangwago buli omu nassa ensawo ye wansi n'agisumulula.
12 N'alyoka abaaza ng'asookera ku asinga obukulu okutuuka ku asem-
bayo obuto; ekikopo ne kisangibwa mu nsawo ya Benyamini.
13 Awo ne bayuza engoye zaabwe, buli omu n'atikka endogoyi ye, ne
baddayo mu kibuga.

*Baganda ba Yusufu Bamuvuunamira*

14 Yusufu yali akyali mu nju, Yuda ne baganda be bwe baatuuka gy'ali,
ne bagwa mu maaso ge ne bamuvuunamira.
15 Yusufu n'abagamba nti, "Kiki kino kye mukoze? Temumanyi nti
omuntu ali nga nze asobola okuvumbula kye mukoze?"
16 Yuda n'addamu nti, "Tunaddamu ki mukama wange? Tunaayogera
ki? Oba tuneggyako tutya omusango? Katonda avumbudde obwonoonyi
bw'abaddu bo, laba tuli baddu ba mukama wange, ffenna, ffe n'oyo
asangiddwa n'ekikopo."
17 Yusufu n'addamu nti, "Ekyo sijja kukikola, wabula oyo asangiddwa
n'ekikopo, y'anaaba omuddu wange, naye mmwe mwambuke mirembe,
mutuuke eri kitammwe."

*Yuda Yeegayirira olwa Benyamini*

18 Awo Yuda n'alaga eri Yusufu n'agamba nti, "Ayi mukama wange nkusaba omuddu wo abeeko kyayogera gy'oli, n'obusungu bwo buleme kubuubuuka eri omuddu wo; kubanga oli nga Falaawo yennyini.

19 Mukama wange yabuuza abaweereza be nti, 'Mulina kitammwe oba muganda wammwe?'

20 Ne tuddamu mukama wange nti, 'Tulina kitaffe, musajja mukulu, ne muganda waffe atusinga obuto, omwana gwe yazaala mu bukadde bwe, ne muganda wa muto waffe, yafa; muto waffe yekka y'aliwo, eyasigalawo yekka ku baana ba nnyina; era kitaawe amwagala nnyo.'

21 "N'olyoka ogamba abaddu bo nti, 'Mumundeetere, mmulabeko.'

22 Twategeeza mukama wange nti, 'Omulenzi tayinza kuva ku kitaawe, kubanga bw'amuvaako, kitaawe alifa bufi!'

23 N'oddamu abaddu bo nti, 'Muto wammwe bw'ataliserengeta nammwe, temugenda kulaba maaso gange.'

24 Bwe twaddayo eri omuddu wo kitaffe, twamutegeeza ebigambo ebyo, mukama wange.

25 Kale kitaffe bwe yagamba nti, 'Muddeeyo mutugulire ku mmere,'

26 ne tumuddamu nti, 'Tetusobola kuserengeta. Muto waffe bw'atagenda naffe tetujja kugenda kubanga tetusobola kulaba maaso ga musajja oli nga muto waffe tali naffe.'

27 "Awo omuddu wo, kitaffe n'atugamba nti, 'Mumanyi, mukazi wange yanzaalira abaana abalenzi babiri;

28 omu yambulako, ne njogera nti mazima yataagulwataagulwa; era siddangayo kumulaba.

29 Bwe muntwalako n'ono, akabi ne kamutuukako, muliserengesa envi zange emagombe nga nkungubaga.'

30 "Kale kaakano, bwe nzirayo eri omuddu wo kitange ng'omulenzi tali naffe, obulamu bwe nga bwe bunyweredde ku bw'omulenzi,

31 bw'anaalaba ng'omulenzi tali naffe, ajja kufa, n'abaddu bo baliserengesa envi z'omuddu wo kitaffe emagombe ng'akyakungubagira omwana we.

32 Kubanga omuweereza wo yeeyimirira omulenzi eri kitange; nga ŋŋamba nti, 'Bwe sirimuzza gy'oli ndiba n'obuvunaanyizibwa n'okunenyezebwa ennaku zonna ez'obulamu bwange.'

33 "Kale kaakano nkwegayirira, omuddu wo nsigale ng'omuddu wa mukama wange, mu kifo ky'omulenzi; omulenzi omuleke addeyo ne baganda be.

34 Kale n'addayo ntya eri kitange ng'omulenzi tali nange? Ntya okulaba akabi akayinza okutuuka ku kitange."

# 45

*Yusufu Yeeraga Baganda be*

1 Awo Yusufu n'atasobola kwefuga n'alemererwa okwongera okwekuuma mu maaso gaabo bonna abaaliwo; kwe kulagira nti, "Muggyeewo abantu bonna mu maaso gange." Bwe kityo ne wataba muntu mulala yenna Yusufu bwe yali yeeraga eri baganda be.

2 Awo n'akaaba mu ddoboozi ery'omwanguka, n'Abamisiri ne bamuwulira era n'ennyumba yonna eya Falaawo nabo ne bamuwulira.

3 Yusufu n’agamba baganda be nti, “Nze Yusufu, kitange akyali mulamu?” Naye baganda be ne batayinza kumuddamu, kubanga okweraliikirira kwabayinga mu maaso ge.

4 Awo Yusufu n’agamba baganda be nti, “Mbasaba munsemberere.” Ne basembera gy’ali. N’abagamba nti, “Nze muganda wammwe Yusufu gwe mwatunda e Misiri.

5 Naye kaakano temuggwaamu mwoyo, oba temwekubagiza olw’okuntunda wano, kubanga Katonda yantuma mbasookeyo nsobole okuwonya obulamu.

6 Kubanga enjala ebadde mu nsi okumala emyaka gino ebiri; era wakyaliyo emirala etaano egitalibaamu kulima wadde okukungula.

7 Era Katonda yantuma mbasookeyo mbakuumire abalisigalawo ku nsi; ndyoke mbawonyezeewo abantu abangi ennyo mu ngeri ey’ekitalo.

8 “Noolwekyo si mmwe mwansindika wano, wabula Katonda; era anfudde kitaawe wa Falaawo, era mukama w’ennyumba ye era omufuzi w’ensi yonna ey’e Misiri.

9 Kale mwanguwe, mwambuke eri kitange mumugambe nti, ‘Bw’ati mutabani wo Yusufu bw’agamba nti, Katonda anfudde mufuzi wa Misiri yenna; serengeta gye ndi, tolwa;

10 ojja kubeera mu Goseni*, olibeera kumpi nange. Ggwe n’abaana bo, n’abaana b’abaana bo, ebisibo byammwe, amagana gammwe ne byonna bye mulina;

11 eyo gye nnaabagabiririranga; si kulwa nga mmwe n’ennyumba zammwe ne byonna bye mulina biggwaawo.’

12 “Era kaakano mwerabiddeko n’amaaso gammwe era ne muganda wange Benyamini akyerabiddeko nti nze njogera nammwe.

13 Muteekwa okutegeeza kitange ekitiibwa kye nnina mu Misiri, ne byonna bye mulabye. Temulwa, museerengese kitange wano.”

14 Awo Yusufu n’agwa Benyamini mu kifuba n’akaaba ne Benyamini n’akaabira ku kibegabega kye.

15 N’agwa baganda be mu kifuba, n’akaabira buli omu ku bo; n’oluvannyuma baganda be ne boogera naye.

### *Ab’olulyo lwa Yusufu Bayitibwa e Misiri*

16 Ebigambo eby’okujja kwa baganda ba Yusufu bwe byawulirwa mu nnyumba ya Falaawo ne bisanyusa nnyo Falaawo n’abaweereza be.

17 Falaawo n’agamba Yusufu nti, “Gamba baganda bo nti, ‘Mukole bwe muti: mutikke ensolo zammwe muddeyo mu nsi ya Kanani,

18 munone kitammwe n’abantu bammwe n’ebyammwe mujje gye ndi, ndibawa ekifo ekisinga obulungi mu nsi y’e Misiri, nammwe mulirya obulungi obw’ensi.’

19 “Era balagire batwale amagaali okuva mu nsi y’e Misiri olw’abaana baabwe abato ne bakyala bammwe, mujje ne kitammwe.

20 Wabula ebintu byammwe tebibateganya nnyo, kubanga ebisinga obulungi mu Misiri yenna bijja kuba byammwe.”

21 Abaana ba Isirayiri ne bakola bwe batyo; Yusufu n’abawa amagaali, nga Falaawo bwe yalagira n’abawa n’entanda ey’omu kkubo.

* **45:10** Goseni kisangibwa mu Misiri, Omugga Kiyira we guyingirira mu nnyanja ennene, Meditereniyaani, era kifo kijimu nnyo.

22 Buli omu ku bo n'amuwa ebyambalo eby'okukyusa, naye ye
Benyamini n'amuwa ebitundu bya ffeeza ebikumi bisatu n'ebyambalo
eby'okuwanyisa emigogo etaano.
23 Kitaawe n'amuweereza endogoyi kkumi ezeetisse ebintu ebirungi
eby'e Misiri n'endogoyi enkazi kkumi ezeetisse emmere, emigaati
n'entanda ya kitaawe bw'aliba ajja.
24 Awo n'asiibula baganda be. Bwe baali bagenda n'abagamba nti,
"Temuyombera mu kkubo."
25 Bwe batyo ne bambuka okuva mu Misiri ne batuuka mu nsi ya Kanani
eri kitaabwe Yakobo.
26 Bwe baatuuka ne bamutegeeza nti Yusufu akyali mulamu, era
y'afuga ensi y'e Misiri yonna. Bwe yawulira ebyo n'awunga n'atasobola
kubakkiriza.
27 Naye bwe baamutegeeza ebigambo bya Yusufu byonna bye
yabagamba, era bwe yalaba amagaali Yusufu ge yaweereza okumutwala
n'addamu omwoyo;
28 n'agamba nti, "Mmatidde, omwana wange Yusufu akyali mulamu.
Nzija kugenda mulabe nga sinnafa."

# 46

*Yakobo Agenda e Misiri*

1 Awo Isirayiri n'addira byonna bye yalina, n'atandika olugendo; bwe
yatuuka e Beriseba n'awaayo ssaddaaka eri Katonda wa kitaawe Isaaka.
2 Katonda n'ayogera ne Isirayiri mu kwolesebwa ekiro, n'amuyita nti,
"Yakobo, Yakobo?"
N'amuddamu nti, "Nze nzuuno."
3 Katonda n'amugamba nti, "Nze Katonda, Katonda wa kitaawo; totya
kuserengeta Misiri, kubanga ndi kufuulirayo eyo eggwanga eddene.
4 Nzija kuserengeta naawe e Misiri, era ndi kuggyayo; era olifiira mu
mikono gya Yusufu."
5 Awo Yakobo n'ava e Beriseba, batabani be ne bamutwalira wamu
n'abaana baabwe abato, ne bakazi baabwe ne babassa mu magaali
Falaawo ge yaweereza okumutwala.
6 Era ne batwala ebisibo n'ebintu byabwe bye baafunira mu nsi ya
Kanani ne batuuka e Misiri, Yakobo wamu n'ezzadde lye.
7 Batabani be ne bazzukulu be, bawala be n'abaana ba bawala be;
ezzadde lye lyonna n'alireeta mu Misiri wamu naye.

*Abaana n'Abazzukulu ba Yakobo*

8 Gano ge mannya g'abazzukulu ba Isirayiri abaagenda e Misiri
ne Yakobo:

Lewubeeni mutabani wa Yakobo omubereberye,
9 ne batabani ba Lewubeeni:
Kanoki, ne Palu, ne Kezulooni ne Kalumi.
10 Ne batabani ba Simyoni:
Yamweri, ne Yamini, ne Okadi, ne Yakini, ne Zokali ne Sawuli omwana
w'omukazi Omukanani.
11 Ne batabani ba Leevi:
Gerusoni, ne Kokasi ne Merali.
12 N'aba Yuda:

Eri, ne Onani, ne Seera, ne Pereezi ne Zeera; naye bo Eri ne Onani
baafiira mu nsi ya Kanani.
Batabani ba Pereezi baali:
Kezulooni ne Kamuli.
13 Bo aba Isakaali baali:
Tola, ne Puva, ne Yobu ne Simuloni.
14 Batabani ba Zebbulooni baali
Seredi, ne Eroni ne Yaleeri.
15 Abo be batabani ba Leeya be yazaalira Yakobo nga bali
mu Padanalaamu, omuwala ye yali Dina. Abaana bonna
aboobulenzi n'aboobuwala baali amakumi asatu mu basatu.

16 Batabani ba Gaadi baali
Zifiyooni, ne Kagi, ne Suni, ne Ezuboni, ne Eri, ne Alodi ne Aleri.
17 Bo batabani ba Aseri be bano:
Imuna, ne Isuva, ne Isuvi, ne Beriya
awamu ne Seera mwannyinaabwe.
Bo Batabani ba Beriya baali
Keba ne Malukiyeeri.
18 Bano be batabani ba Zirupa, Labbaani gwe yawa Leeya muwala
we, be yazaalira Yakobo; abantu kkumi na mukaaga.

19 Batabani ba Laakeeri, mukazi wa Yakobo be bano
Yusufu ne Benyamini.
20 Aba Yusufu ng'ali e Misiri baali Manase ne Efulayimu, Asenaasi
muwala wa Potiferi kabona wa Oni be yamuzaalira.
21 Ne batabani ba Benyamini be ba:
Bera, ne Bekeri, ne Asuberi, ne Gera, ne Naamani, ne Eki, ne Losi, ne
Mupimu, ne Kupimu ne Aludi.
22 Abantu abasibuka mu Laakeeri mukazi wa Yakobo baali kkumi
na bana.

23 Mutabani wa Ddaani ye
Kusimu.
24 Bo aba Nafutaali be ba:
Yazeeri, ne Guni, ne Yezeri, ne Siremu.
25 Bano be baava mu Biira mukazi wa Yakobo, Labbaani gwe yawa
Laakeeri muwala we; bonna be bantu musanvu.

26 Abantu bonna aba Yakobo abajja mu Misiri, ab'enda ye nga
totaddeeko baka baana be, baali abantu nkaaga mu mukaaga.
27 Batabani ba Yusufu abaamuzaalirwa ng'ali mu Misiri baali
babiri. Abantu bonna ab'ennyumba ya Yakobo abajja e Misiri baali
nsanvu*.

### *Okutuula e Misiri*

28 Yakobo n'atuma Yuda eri Yusufu ajje amusisinkane mu Goseni, ne
batuuka e Goseni.
29 Awo Yusufu n'ateekateeka eggaali lye n'agenda okusisinkana Isirayiri
kitaawe e Goseni, n'amweraga, n'amugwa mu kifuba n'akaabira mu
kifuba kye okumala akabanga.

* **46:27** Awamu kigamba nsavu mu bataano

30 Isirayiri n'agamba Yusufu nti, "Kale kaakano ka nfe, kubanga ndabye amaaso go ne ntegeera nti okyali mulamu."

31 Yusufu n'agamba baganda be n'ab'ennyumba ya kitaawe nti, "Nzija kugenda eri Falaawo mugambe nti, 'Baganda bange n'ennyumba ya kitange abaali mu nsi ya Kanani bazze gye ndi.

32 Kyokka balunzi; balunda ente era baleese amagana gaabwe n'ebisibo byabwe ne byonna bye balina.'

33 Kale Falaawo bw'abayita n'ababuuza nti, 'Mukola mulimu ki?'

34 Mumuddemu nti, 'Abaweereza bo kasookedde tuzaalibwa tuli balunzi, ffe ne bajjajjaffe.' Mulyoke mubeere mu nsi ya Goseni, kubanga abalunzi baamuzizo eri Abamisiri."

# 47

1 Awo Yusufu n'agenda eri Falaawo n'amugamba nti, "Kitange ne baganda bange n'amagana gaabwe n'ebisibo byabwe ne byonna bye balina bazze nga bava mu Kanani; kaakano bali Goseni."

2 Yalondako bataano ku baganda be, n'agenda nabo ewa Falaawo.

3 Falaawo n'ababuuza nti, "Omulimu gwammwe mulimu ki?" Ne bamuddamu nti, "Abaweereza bo tuli balunzi nga bajjajjaffe.

4 Tuzze muno kunoonyeza bisibo byaffe muddo, kubanga abaddu bo tuva mu njala mpitirivu eri mu Kanani; ne kaakano abaddu bo tukusaba tubeere e Goseni."

5 Awo Falaawo n'agamba Yusufu nti, "Kitaawo ne baganda bo bazze gy'oli.

6 Ensi y'e Misiri gw'ogirinako obuyinza, teeka kitaawo ne baganda bo awasinga obulungi; bateeke e Goseni. Era obanga omanyi asobola mu bo muwe akuume ente zange."

7 Awo Yusufu n'ayingiza Yakobo, kitaawe n'amwanjula eri Falaawo. Yakobo n'asabira Falaawo omukisa.

8 Falaawo n'abuuza Yakobo nti, "Olina emyaka emeka?"

9 Yakobo n'addamu nti, "Emyaka egy'olugendo lwange mu nsi giri kikumi mu amakumi asatu; emyaka gyange gibadde mitono era mizibu; siwangadde nga bajjajjange."

10 Olwo Yakobo n'asabira Falaawo omukisa n'ava mu maaso ga Falaawo.

11 Awo Yusufu n'asenza kitaawe ne baganda be e Misiri, n'abawa ekitundu ekyali kisinga obulungi eky'e Goseni, mu Disitulikiti ey'e Lamusesi nga Falaawo bwe yalagira.

12 Yusufu n'awa kitaawe ne baganda be n'ab'ennyumba ya kitaawe emmere ng'omuwendo gw'abaana baabwe bwe gwali.

### *Yusufu mu Njala*

13 Awo emmere n'eggwa mu kitundu ekyo kyonna kubanga enjala yayitirira obungi, ne kireetera ensi y'e Misiri ne Kanani okukosebwa ennyo.

14 Yusufu n'akuŋŋaanya ensimbi zonna ezaali mu Misiri ne mu Kanani ng'abaguza emmere; n'azireeta mu lubiri lwa Falaawo.

15 Awo ensimbi bwe zaggwa ku bantu b'e Misiri ne Kanani ne bajja eri Yusufu ne bamugamba nti, "Tuwe emmere. Ensimbi zituweddeko. Lwaki tufa?"

16 Yusufu n'abagamba nti, "Kale obanga ensimbi zibaweddeko mundeetere ensolo zammwe mbaguze emmere."

17 Awo ne bamuleetera amagana g'ensolo zaabwe, omwali embalaasi,
n'endiga, n'ente, n'endogoyi, okubiwaanyisaamu emmere; emmere eyo
n'ebayisa mu mwaka ogwo.
18 Omwaka ogwo bwe gwaggwaako, ne bajja eri Yusufu mu mwaka
ogwaddirira ne bamugamba nti, "Tetuukukise mukama waffe, ensimbi
zituweddeko n'ensolo zaffe zifuuse zizo tewali kye tusigazza, wabula
emibiri gyaffe gino n'ebyalo byaffe.
19 Tufiira ki nga w'oli? Tugule ffe n'ebyalo byaffe otuwe emmere tuleme
okufa, naffe tuliba baddu ba Falaawo, ensi yaffe ereme okuzikirira."
20 Bw'atyo Yusufu n'agulira Falaawo ensi yonna ey'e Misiri. Abamisiri
kinoomu, bonna ne batunda ebyalo byabwe kubanga enjala yali mpitirivu,
ensi yonna n'efuuka ya Falaawo.
21 Bwe batyo n'abantu baamu okuva ku njuyi zonna ne bafuuka baddu
ba Falaawo.
22 Ekitundu kya bakabona kye kyokka ky'ataagula, kubanga bo baasasulwanga
Falaawo. Kye yabasasulanga kwe beeguliranga ebyokulya; bo
kyebaava batatunda ttaka lyabwe.
23 Awo Yusufu n'agamba abantu nti, "Mulabe, olwa leero mbaguze
mmwe n'ebyalo byammwe; mbagulidde Falaawo. Kale kaakano ensigo
zino zammwe munaazisiga.
24 Bwe mulikungula, muliwa Falaawo ekitundu kimu kyakutaano,
ebitundu bina bya kutaano biriba byammwe, okuba ensigo mu nnimiro
zammwe, n'emmere ku lwammwe n'ab'ennyumba zammwe n'abaana
bammwe."
25 Ne bamuddamu nti, "Otuwonyezza okufa; mukama waffe
bw'anaasiima tuliba baddu ba Falaawo."
26 Awo Yusufu n'ateeka etteeka erikwata ku ttaka mu nsi y'e Misiri;
weeliri n'okutuusa kaakano, nti ekitundu kimu kyakutaano kiba musolo
gwa Falaawo; ettaka ly'abakabona lyokka lye litaafuuka lya Falaawo.

### *Ekisuubizo kya Yusufu eri Yakobo*

27 Bw'atyo Isirayiri n'abantu be ne babeera mu nsi y'e Misiri, mu Goseni,
ne bagaggawalira mu kitundu ekyo. Baazaala ne baala nnyo.
28 Yakobo n'amala mu Misiri emyaka kkumi na musanvu. Bw'atyo
Yakobo n'awangaala emyaka kikumi mu ana mu musanvu.
29 Ekiseera eky'okufa kwa Isirayiri bwe kyali kisembedde, n'ayita
mutabani we Yusufu n'amugamba nti, "Obanga nfunye ekisa mu maaso go
teeka omukono gwo wansi w'ekisambi kyange, ondayirire ng'onompulira
n'otonkuusakuusa: tonziikanga mu Misiri,
30 onteekanga wamu ne bajjajjange. Olintwala n'onziika ku butaka."
Yusufu n'amuddamu nti, "Ndikola nga bw'ogambye."
31 N'amugamba nti, "Ndayirira." N'amulayirira. Awo Isirayiri n'akoteka
omutwe gwe ng'atudde emitwetwe w'ekitanda kye.

## 48

### *Yakobo Asabira Batabani ba Yusufu Omukisa*

1 Oluvannyuma Yusufu n'ategeezebwa nti, "Laba, kitaawo mulwadde."
Bw'atyo n'atwala batabani be Manase ne Efulayimu;
2 Yakobo n'ategeezebwa nti, "Mutabani wo azze okukulaba."
Awo Yakobo ne yeekakaba ku kitanda kye n'atuula.

3 N'agamba Yusufu nti, "Katonda Ayinzabyonna yandabikira e Luzi mu nsi ya Kanani n'ampa omukisa.

4 N'aŋŋamba nti, 'Laba, ndikwaza n'osukkirira ne nkufuula abantu abangi, era ensi eno ndigiwa ezzadde lyo okuba obutaka bwabwe ennaku zonna.'

5 "Kale kaakano batabani bo bombi abaakuzaalirwa mu Misiri nga sinnajja, bange; Efulayimu ne Manase baliba bange nga Lewubeeni ne Simyoni bwe bali.

6 N'abo abaakuzaalirwa oluvannyuma lwabwe baliba babo, banaayitibwa amannya ga baganda baabwe mu mugabo gwabwe.

7 Kubanga bwe najja ng'ava e Paddani, ne ndaba ennaku Laakeeri n'anfiirako mu kkubo mu nsi ya Kanani, nga nkyagenda Efulasi; ne mmuziika eyo mu kkubo erigenda Efulasi, ye Besirekemu."

8 Isirayiri bwe yalaba batabani ba Yusufu n'abuuza nti, "Bano be baani?"

9 Yusufu n'addamu kitaawe nti, "Be batabani bange, Katonda b'ampeeredde wano."

N'amugamba nti, "Nkusaba obansembereze mbasabire omukisa."

10 Mu kiseera kino amaaso ga Isirayiri gaali gayimbadde olw'obukadde, nga takyasobola kulaba. Awo Yusufu n'abamusembereza, Yakobo n'abagwa mu kifuba n'abanywegera.

11 Isirayiri n'agamba Yusufu nti, "Saasuubira kulaba maaso go; era laba Katonda ansobozesezza okulaba n'abaana bo."

12 Awo Yusufu n'abaggya ku maviivi ge n'avuunama wansi.

13 Yusufu n'abatwala bombi, Efulayimu ng'ali mu mukono gwe ogwa ddyo, okwolekera ogwa Isirayiri ogwa kkono, ne Manase ng'ali mu mukono gwe ogwa kkono okwolekera ogwa Isirayiri ogwa ddyo, n'abamusembereza.

14 Isirayiri n'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'aguteeka ku mutwe gwa Efulayimu eyali omuto, n'omukono gwe ogwa kkono n'aguteeka ku mutwe gwa Manase, n'ayisiŋŋanya emikono gye, kubanga Manase ye yasooka okuzaalibwa.

15 N'awa Yusufu omukisa, n'agamba nti,
"Katonda wa jjajjange
Ibulayimu ne kitange Isaaka gwe baatambulira mu maaso ge,
Katonda oyo ankulembedde obulamu bwange bwonna
okutuusa leero,
16 Malayika oyo eyannunula okuva mu bizibu byonna,
owe omukisa abalenzi bano.
Erinnya lyange lyeyongerenga okutuumibwa mu bo
era n'erya Ibulayimu n'erya Isaaka.
Era bafuuke ekibiina ekinene
mu maaso g'ensi."

17 Yusufu bwe yalaba nga kitaawe atadde omukono gwe ogwa ddyo ku Efulayimu n'atakyagala, n'akwata omukono gwa kitaawe okuguggya ku mutwe gwa Efulayimu aguzze ku mutwe gwa Manase.

18 N'agamba kitaawe nti, "Kireme kuba kityo, kitange, kubanga ono ye mubereberye, teeka omukono ogwa ddyo ku mutwe gwe."

19 Naye kitaawe n'agaana n'agamba nti, "Mmanyi, mwana wange, mmanyi nti alifuuka eggwanga era aliba mukulu; kyokka muto we aliba mukulu okumusinga era alivaamu amawanga mangi."

20 Awo n'abasabira omukisa ku lunaku olwo ng'agamba nti,
"Abaana ba Isirayiri basabiragane omukisa nga bagamba nti,

‘Katonda akuyise nga Efulayimu ne Manase.’ ”
Bw’atyo n’ateeka Efulayimu mu maaso ga Manase.
21 Ate Isirayiri n’agamba Yusufu nti, “Laba, nnaatera okufa, kyokka
Katonda alibeera naawe era alikuzzaayo mu nsi ya bajjajjaabo.
22 Wabula ggwe nkuwadde kinene okusinga baganda bo, nkuwadde
ekitundu kimu ekikkirira olusozi, kye naggya ku Bamoli n’ekitala kyange
n’omutego gwange.”

# 49

### *Yakobo Asabira Batabani be Omukisa*

1 Awo Yakobo n’ayita batabani be n’abagamba nti, Mukuŋŋaane, ndyoke
mbategeeze ebiribabaako mu nnaku ezijja.
2 Mukuŋŋaane muwulire, mwe abaana ba Yakobo,
muwulirize Isirayiri kitammwe.

3 Lewubeeni ggwe mubereberye wange,
amaanyi gange, ebibala ebibereberye eby’amaanyi gange,
ekitiibwa n’obuyinza ebiyitirivu.
4 Naye tafugika, oli ng’amayengo g’ennyanja, naye tokyali wa kitiibwa,
kubanga walinnya ekitanda kya kitaawo,
mu nnyumba yange, n’okyonoona.

5 Simyoni ne Leevi baaluganda,
ebitala byabwe byakulwanyisa bya maanyi.
6 Ayi omwoyo gwange teweetaba mu kuteesa kwabwe.
Ayi omwoyo gwange teweegatta nabo.
Kubanga mu busungu bwabwe batta abantu,
olw’okwekulumbaza kwabwe baatema ente olunywa.
7 Obusungu bwabwe bukolimirwe, kubanga bungi;
n’obukambwe bwabwe, kubanga bwa ttima.
Ndibaawula mu Yakobo,
ndibasaasaanya mu Isirayiri.

8 Yuda gwe baganda bo banaakutenderezanga.
Omukono gwo gunaatulugunyanga abalabe bo.
Abaana ba kitaawo banaakuvuunamiranga.
9 Yuda, mwana w’empologoma.
Oyambuse mwana wange, ng’ovudde ku muyiggo.
Yakutama, yabwama ng’empologoma.
Ddala ng’empologoma enkazi, ani anaakweŋŋanga?
10 Era omuggo gw’omufuzi teguuvenga wakati wa bigere bya Yuda,
okutuusa Siiro lw’alijja;
era oyo amawanga gonna
gwe ganaawuliranga.
11 Alisiba endogoyi ku muzabbibu,
n’omwana gw’endogoyi ku muzabbibu ogusinga obulungi,
ayoza ebyambalo bye mu nvinnyo,
n’engoye ze mu musaayi gwe zabbibu.
12 Amaaso ge galimyuka wayini,
n’amannyo ge galitukula okusinga amata.

13 Zebbulooni alibeera ku mabbali ga nnyanja;

anaabanga mwalo gw'amaato,
ensalo ze ziriba ku Sidoni.

14 Isakaali ndogoyi ya maanyi,
ng'akutama wakati mu bisibo by'endiga;
15 yalaba ng'ekifo ky'okuwummuliramu kirungi;
nga n'ensi esanyusa;
n'alyoka akkakkanya ekibegabega kye okusitula,
n'afuuka omuddu ow'okukozesebwanga emirimu egy'obuwaze.

16 Ddaani anaalamulanga mu bwenkanya abantu be
ng'ekika ekimu ku bika bya Isirayiri.
17 Ddaani anaaba musota mu kkubo,
essalambwa ku kkubo,
eriruma ebisinziiro by'embalaasi,
omwebagazi waayo alyoke agwe emabega waayo.

18 Nnindirira obulokozi bwo, Ayi MUKAMA.

19 Gaadi alirumbibwa ogubiina gw'abanyazi,
naye ye, alibafubutukira emabega.

20 Aseri emmere ye eneebanga ngimu,
era anaagemuliranga kabaka ebyokulya.

21 Nafutaali mpeewo ya ddembe,
avaamu ebigambo ebirungi.

22 Yusufu lye ttabi eribala ennyo,
ettabi eribala ennyo eriri ku mugga;
abaana be babuna bbugwe.
23 Abalasa obusaale baamulumba bubi nnyo,
baamulasa ne bamulumya nnyo;
24 naye omutego gwe ne gunywera,
n'emikono gye ne gitasagaasagana.
Olw'omukono gwa Ayinzabyonna owa Yakobo,
olw'Omusumba, Olwazi lwa Isirayiri,
25 olwa Katonda wa kitaawo, akuyamba,
olwa Ayinzabyonna akuwa omukisa,
omukisa oguva waggulu mu ggulu,
omukisa ogwa wansi mu buziba,
omukisa ogw'omu lubuto ne mu mabeere.
26 Omukisa gwa kitaawo
gusinga omukisa gwa bajjajjange,
gusinga egyo egyaweebwa bajjajja ab'edda.
Gino gyonna gibeere ku mutwe gwa Yusufu,
gibeere ne ku bukowekowe bw'oyo eyayawukanyizibwa ne baganda be.

27 Benyamini musege ogunyaga,
mu makya alya omuyiggo,
mu kawungeezi n'agaba omunyago.

28 Ebyo byonna by'ebika ekkumi n'ebiriri ebya Isirayiri, era ebyo kitaabwe bye yayogera nabo ng'abasabira omukisa. Buli omu ng'amusabira omukisa ogumusaanira.

### *Okufa kwa Yakobo*

29 Oluvannyuma n'abakuutira n'abagamba nti, "Nditwalibwa eri abantu bange gye baatwalibwa. Munziikanga wamu ne bajjajjange, mu mpuku eri mu nnimiro ya Efulooni Omukiiti,

30 mu mpuku eri mu nnimiro ya Makupeera, okumpi ne Mamule, mu nsi ya Kanani, Ibulayimu gye yagulira mu nnimiro, okuva ku Efulooni Omukiiti. Yagigula okuba obutaka bw'okuziikangamu.

31 Awo we waaziikibwa Ibulayimu ne Saala mukazi we, era ne Isaaka ne Lebbeeka mukazi we, we baaziikwa, era awo we naziika Leeya.

32 Ennimiro n'empuku erimu byagulibwa okuva ku baana ba Kesi."

33 Yakobo bwe yamala okukuutira batabani be, n'azaayo ebigere bye mu kitanda, n'assa omukka ogw'enkomerero n'afa n'akuŋŋaanyizibwa eri abantu be.

## 50

1 Awo Yusufu n'agwa mu maaso ga kitaawe n'akaaba, n'amunywegera.

2 Yusufu n'alagira abaweereza be abasawo, okukalirira omulambo gwa kitaawe. Bwe batyo abasawo ne bakalirira omulambo gwa Isirayiri;

3 baali beetaaga ennaku amakumi ana okukoleramu ekyo. Ezo ze nnaku ezakaliririrwangamu emirambo. Abamisiri ne bakungubagira Yakobo okumala ennaku nsanvu.

4 Awo ennaku ez'okukungubagiramu Yakobo bwe zaggwaako, Yusufu n'ayogera n'ennyumba ya Falaawo, n'agamba nti, "Obanga ndabye ekisa mu maaso gammwe munjogerereyo ewa Falaawo. Mumugambe nti,

5 'Kitange yandayiza ng'agamba nti, "Nnaatera okufa; mu ntaana yange gye nesimira mu nsi ya Kanani, omwo mw'onziikanga." Kale kaakano mbasaba mundeke ŋŋende nziike kitange; oluvannyuma nkomewo.' "

6 Falaawo n'addamu nti, "Genda oziike kitaawo nga bwe yakulayiza."

7 Awo Yusufu n'ayambuka wamu n'abaweereza ba Falaawo bonna, n'abakulu b'ennyumba ye, n'abakulu ba Misiri bonna,

8 n'ab'ennyumba ya Yusufu, ne baganda be, n'ab'ennyumba ya kitaawe. Abaana bokka be baasigala mu Goseni n'ebisibo byabwe n'amagana gaabwe.

9 N'agenda n'amagaali n'abeebagala embalaasi era ekibiina kyali kinene nnyo.

10 Bwe baatuuka ku gguuliro lya Atadi ng'osomose Yoludaani, ne bakungubaga okukungubaga okutagambika okujjudde ennaku; Yusufu n'akungubagira kitaawe okumala ennaku musanvu.

11 Abantu ab'omu nsi, Abakanani, bwe baalaba okukungubaga mu gguuliro lya Atadi ne bagamba nti, "Okukungubaga kuno kwa ntiisa eri Abamisiri." Ekifo ekyo kyekyava kiyitibwa Aberumizirayimu, ekiri emitala wa Yoludaani.

12 Bwe batyo batabani ba Yakobo ne bakola nga bwe yabalagira.

13 Baamwetikka ne bamutuusa mu Kanani, ne bamuziika mu mpuku eyali mu nnimiro ya Makupeera, okumpi ne Mamule, Ibulayimu gye yagula okuva ku Efulooni Omukiiti, aziikengamu abantu be.

14 Yusufu bwe yamala okuziika kitaawe n'addayo e Misiri wamu ne baganda be ne bonna abaayambuka naye okuziika kitaawe.

15 Baganda ba Yusufu bwe baalaba nga kitaabwe afudde, ne bagamba nti, “Osanga Yusufu ajja kutukyawa yeesasuze olw’ebibi byonna bye twamukola.”
16 Kyebaava bamutumira nga bagamba nti, “Kitaawo bwe yali tannafa yatulagira nti
17 tugambanga Yusufu nti, ‘Nkusaba osonyiwe baganda bo bye bakusobya n’ekibi kyabwe, kubanga baasobya nnyo gy’oli.’ Kale nno kaakano tukusaba osonyiwe okusobya kw’abaweereza ba Katonda wa kitaawo.” Yusufu bwe baakimugamba n’akaaba.
18 Baganda be ne bagenda gy’ali ne beeyala mu maaso ge ne bagamba nti, “Laba, tuli baddu bo.”
19 Naye Yusufu n’abagamba nti, “Temutya, nze ndi mu kifo kya Katonda?
20 Mwagenderera okunnumya, naye Katonda n’akifuula ekirungi, n’akikozesa abantu baleme okufa.
21 Noolwekyo temutya, nzija kubaliisa mmwe n’abaana bammwe.” Bw’atyo n’abagumya n’abazaamu amaanyi.

### *Okufa kwa Yusufu*

22 Awo Yusufu n’abeera mu Misiri, ye n’ennyumba ya kitaawe. N’awangaala emyaka kikumi mu kkumi.
23 N’alaba abaana ba Efulayimu, abazzukulu ab’omugigi ogwokusatu. Era n’alaba n’aba Makiri mutabani wa Manase abaazaalirwa ku maviivi ga Yusufu.
24 Yusufu n’agamba baganda be nti, “Nnaatera okufa, naye Katonda alibakyalira n’abalinnyisa okubaggya mu nsi eno; n’abatwala mu nsi gye yalayirira Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo.”
25 Awo Yusufu n’alayiza abaana ba Isirayiri ng’agamba nti, “Katonda alibakyalira, nammwe mulinyisanga amagumba gange okugaggya wano.”
26 Bw’atyo Yusufu n’afa, ng’alina emyaka kikumi mu kkumi; ne bakalirira omulambo gwe n’ateekebwa mu ssanduuko mu Misiri.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Okuva

*Abayisirayiri Babonyaabonyezebwa*

1 Gano ge mannya ga batabani ba Isirayiri, era ye Yakobo, abajja naye mu Misiri; buli omu n'ab'omu nnyumba ye:

2 Lewubeeni, ne Simyoni, ne Leevi ne Yuda,
3 ne Isakaali, ne Zebbulooni, ne Benyamini,
4 ne Ddaani, ne Nafutaali, ne Gaadi, ne Aseri.

5 Abaana bonna awamu Yakobo yennyini be yazaala baali bawera nsanvu*; Yusufu ye, yali yabeera dda mu Misiri.

6 Awo Yusufu n'afa; ne baganda be ne bonna ab'omulembe ogwo ne bafa.
7 Naye Abayisirayiri ne bazaala nnyo, ne baala, ne bayitirira obungi, era ne baba ba maanyi nnyo; ne bajjula ekitundu ekyo mwe baali.
8 Awo ne waddawo kabaka omuggya mu Misiri ataamanya Yusufu.
9 N'agamba abantu be nti, "Abayisirayiri batuyitiriddeko obungi era ba maanyi.
10 Ka tubasalire amagezi baleme kweyongera bungi. Kubanga singa wag-
wawo olutalo ne beegatta n'abalabe baffe, ne batulwanyisa, balituddukako ne bava mu nsi eno."
11 Bwe batyo ne babateekako bannampala bababonyeebonye n'emirimu egy'obuwaze; ne bazimbira Falaawo ebibuga eby'amaterekero, Pisomu ne Lamusesi.
12 Naye gye baakoma okutuntuzibwa, ate gye baakoma okweyongera obungi, ne basaasaana wonna. Abamisiri ne bakyawa abaana ba Isirayiri ate nga bwe babatya.
13 Ne bongera okutuntuza abaana ba Isirayiri n'obukambwe.
14 Obulamu bw'Abayisirayiri ne bubakaayirira nga bakozesebwa ng'abaddu; nga batabula ebbumba okukola amatoffaali; n'emirimu egya buli ngeri egikolebwa mu nnimiro. Mu mirimu egyo gyonna baabakoze-
sanga n'amaanyi era n'obukambwe.

*Falaawo Awa Abazaalisa Ekiragiro*

15 Awo kabaka w'e Misiri n'ayogera n'abazaalisa b'Abaebbulaniya, amannya gaabwe Sifira ne Puwa†, n'abagamba nti,
16 "Bwe mubanga muzaalisa abakazi Abaebbulaniya, ne mulaba ng'omwana wabulenzi, mumuttanga bussi, naye bw'abanga owoobuwala, mumulekanga n'alama."
17 Naye abazaalisa baali batya Katonda, nga bamussaamu ekitiibwa, ebyo kabaka w'e Misiri bye yabalagira ne batabikolerako, n'abaana abalenzi nabo ne babaleka ne balama.

---

* **1:5** ebiwandiiko ebimu bigamba nsanvu; kyokka ebiwandiiko ebyasangibwa mu Nnyanja ey'Omunnyo bigamba nsanvu mu bataano † **1:15** Sifira ne Puwa baali abazaalisa Abaebbulaniya.

18 Kabaka w'e Misiri n'ayita abazaalisa, n'ababuuza nti, "Kiki ekibakozesezza bwe mutyo, okuleka abaana abalenzi ne balama?"
19 Abazaalisa, ne baddamu Falaawo nti, "Abakazi Abaebbulaniya tebali ng'abakazi Abamisiri; bo balamu bulungi era ba maanyi; abazaalisa we bagendera okubatuukako nga bamaze okuzaala."
20 Katonda, n'ayisanga bulungi abazaalisa n'abawa emikisa. Abaana ba Isirayiri ne beeyongera nnyo obungi era ne baba ba maanyi nnyo.
21 Olwokubanga abazaalisa bassangamu Katonda ekitiibwa, nga bamutya, n'abawa ezzadde.
22 Falaawo n'alyoka alagira abantu be bonna nti, "Buli mwana wabulenzi Abaebbulaniya gwe banaazaalanga mumusuulanga mu mugga Kiyira, naye owoobuwala mumulekanga."

# 2

*Okuzaalibwa kwa Musa*

1 Awo olwatuuka omusajja ow'omu kika kya Leevi, n'agenda n'awasa omukazi, nga naye Muleevi.
2 Omukazi oyo n'aba olubuto n'azaala omwana mulenzi; naye bwe yalaba nga mwana alabika obulungi ennyo, n'amukwekera emyezi esatu.
3 Naye bwe yatuusa ekiseera nga takyasobola kumukweka, n'amufunira ekibaya eky'ebitoogo, n'akisiigako ebitosi ne koolaasi; omwana n'amuteeka omwo, n'akissa mu bitoogo ku lubalama lw'omugga Kiyira.
4 Mwannyina w'omwana n'ayimiriranga nga yeesuddeko akabanga, alabe ebinaamutuukangako.
5 Awo muwala wa Falaawo n'aserengeta ku mugga Kiyira okunaaba; abaweereza be abawala ne batambulira ku lubalama lw'omugga; muwala wa Falaawo n'alaba ekibaya mu bitoogo, n'atuma omu ku bawala okukikima, n'akireeta.
6 Bwe yakisaanukulako, n'alabamu omwana. Omwana yali akaaba, n'amusaasira nnyo, n'agamba nti, "Ono y'omu ku baana abawere aba Baebbulaniya."
7 Awo mwannyina w'omwana n'asembera, n'agamba muwala wa Falaawo nti, "Ŋŋende nkuyitire omulezi w'abaana Omwebbulaniya ajje akumulerere?"
8 Muwala wa Falaawo n'amuddamu nti, "Kale, genda." Omuwala mwannyina w'omwana oyo bwe yagenda, yaleeta nnyina wa mwana!
9 Muwala wa Falaawo n'agamba nnyina w'omwana nti, "Twala omwana ono omunderere, nnaakusasulanga." Omukazi oyo n'atwala omwana n'amulera.
10 Omwana bwe yakula, n'amutwalira muwala wa Falaawo, n'afuuka omwana wa muwala wa Falaawo. N'amutuuma erinnya Musa, n'agamba nti, "Kubanga namuggya mu mazzi."

*Musa Addukira e Midiyaani*

11 Awo olwatuuka, Musa ng'amaze okukula, n'agendako mu bantu be Abaebbulaniya, n'alaba emirimu emikakanyavu gye baali bakozesebwa. N'alaba Omumisiri ng'akuba Omwebbulaniya, omuntu ow'omu baganda be.
12 Awo Musa n'amagamaga, bwe yalaba nga teri muntu mulala amulaba, n'akwata Omumisiri n'amutta, n'amukweka mu musenyu.
13 Bwe yaddayo enkeera, n'alaba abasajja babiri Abaebbulaniya nga balwana. N'abuuza oyo eyali asobezza nti, "Lwaki okuba Mwebbulaniya munno?"

14 Omusajja n'amuddamu nti, "Ani eyakulonda okuba omufuzi waffe
era omulamuzi waffe? Oyagala kunzita nga bwe watta Omumisiri?"
Musa n'atya, n'ayogera mu mutima gwe nti, "Ekintu kye nakola kirabika
kyategeerebwa."
15 Awo Falaawo bwe yakiwulira, n'agezaako okutta Musa. Naye Musa
n'aviira Falaawo, n'addukira mu nsi ya Midiyaani;* n'atuula awali oluzzi.
16 Waaliwo kabona mu Midiyaani eyalina abaana be abawala musanvu,
ne bajja okusena amazzi bajjuze ebyesero banywese endiga za kitaabwe.
17 Kyokka ne wabaawo abasumba ne bajja ne babagobawo; naye Musa
n'asituka n'abalwanirira, n'anywesa endiga zaabwe.
18 Abawala bwe baddayo eka eri kitaabwe Leweri,† n'ababuuza nti, "Nga
mukomyewo mangu leero?"
19 Ne bamuddamu nti, "Omusajja Omumisiri atulwaniridde
ng'abasumba batujoogereza; y'atusenedde n'amazzi n'anywesa ekisibo
kyaffe."
20 N'abuuza bawala be nti, "Ali ludda wa? Ye lwaki mumuleseeyo?
Mumuyite ajje alye ku mmere."
21 Musa n'akkiriza. N'abeerera ddala mu maka ga Leweri. Leweri n'awa
Musa muwala we Zipola okuba mukyala we.
22 Zipola n'amuzaalira omwana owoobulenzi. Musa n'amutuuma
erinnya Gerusomu, ng'agamba nti, "Kubanga ndi mugwira mu nsi etali
yange."
23 Awo nga wayiseewo ebbanga ggwanvu, kabaka w'e Misiri n'afa.
Abaana ba Isirayiri ne basindanga era ne bakaabanga olw'obuddu bwe
baalimu, n'okukaaba kwabwe ne kutuuka eri Katonda.
24 Katonda n'awulira okusinda kwabwe. Katonda n'ajjukira endagaano
ye gye yalagaana ne Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo.
25 Katonda n'atunuulira abaana ba Isirayiri, n'ategeera okubonaabona
kwabwe.

# 3

*Okuyitibwa kwa Musa*

1 Awo olwatuuka, Musa bwe yali ng'alunda ekisibo ky'endiga za
mukoddomi we Yesero, kabona w'e Midiyaani, n'atwala ekisibo ku
ludda olw'ebugwanjuba olw'eddungu; n'atuuka ku lusozi lwa Katonda
oluyitibwa Kolebu*.
2 Malayika wa MUKAMA n'amulabikira ng'asinziira mu muliro ogwaka,
mu makkati g'ekisaka. Musa n'atunuulira ekisaka, n'alaba nga kyaka naye
nga tekisiriira.
3 Musa n'ayogera mu mwoyo gwe nti, "Leka nneetoolooleko neetegereze
ekintu kino ekitali kya bulijjo, eky'ekitalo, ekireetedde ekisaka obutasiri-
ira."
4 MUKAMA bwe yalaba nga Musa agenze okwetegereza, Katonda
n'amuyita ng'asinziira mu kisaka wakati nti, "Musa, Musa!" Musa
n'ayitaba nti, "Nze nzuuno."
5 Katonda n'amugamba nti, "Teweeyongera kusembera. Ggyamu
engatto zo, kubanga ekifo w'oyimiridde kitukuvu."

* **2:15** Midiyaani yali omu ku batabani ba Ibulayimu (Lub 25:2). Abamidiyaani baabeeranga obukiikakkono bwa Sinaayi. † **2:18** Leweri lye lyali erinnya lya Yesero eddala. * **3:1** Kolebu Olusozi olwo era ye Sinaayi.

6 Ne yeeyongera n’amugamba nti, “Nze Katonda wa kitaawo, era nze
Katonda wa Ibulayimu, nze Katonda wa Isaaka, era nze Katonda wa
Yakobo.”

Musa bwe yawulira ebyo n’akweka amaaso ge, kubanga yatya oku-
tunuulira Katonda.
7 Awo MUKAMA Katonda n’ayogera nti, “Ndabidde ddala okubonaabona
kw’abantu bange abali mu Misiri. Mpulidde ebiwoobe byabwe olw’abo
ababatuntuza ng’abaddu; era ntegedde okubonaabona kwabwe.
8 Kyenvudde nzika, mbawonye effugabbi ery’Abamisiri, era mbaggye
mu nsi eyo, mbaleete mu nsi ennungi era engazi, y’ensi ekulukuta
amata n’omubisi gw’enjuki; kaakano mwe muli Abakanani, n’Abakiiti,
n’Abamoli, n’Abaperezi, n’Abakiivi n’Abayebusi.
9 Kale mpulidde okukaaba kw’abaana ba Isirayiri, era ndabye
ng’Abamisiri bwe bababonyaabonya.
10 Noolwekyo, jjangu nkutume ewa Falaawo, oggyeyo abantu bange
abaana ba Isirayiri mu Misiri.”
11 Naye Musa n’agamba Katonda nti, “Nange nze ani agenda ewa
Falaawo nziggyeyo abaana ba Isirayiri mu Misiri?”
12 Katonda n’amuddamu nti, “Ddala, nnaabeeranga naawe. Era kino kye
kikakasa nti nze nkutumye: Bw’olimala okuggya abantu abo mu Misiri,
mulisinziza Katonda ku lusozi luno.”
13 Awo Musa n’abuuza Katonda nti, “Bwe ndituuka mu baana ba Isirayiri
ne mbategeeza nti, ‘Katonda wa bajjajjammwe antumye gye muli;’ nabo
ne bambuuza nti, ‘Erinnya lye ye ani?’ Ndibaddamu ntya?”
14 Katonda n’agamba Musa nti, “NDI NGA BWE NDI,” n’ayongera nti,
“Bw’otyo bw’onootegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘NDI y’antumye gye
muli.’ ”
15 Katonda n’ayongera n’agamba Musa nti, “Tegeeza abaana ba Isirayiri
nti, ‘MUKAMA, Katonda wa bajjajjammwe: Katonda wa Ibulayimu, era
Katonda wa Isaaka, era nga ye Katonda wa Yakobo, y’antumye gye muli.’
“Eryo lye linnya lyange ery’olubeerera,
era lye linnya lye nnajjuukirirwangako
mu buli mulembe ogunaddiriranga gunnaagwo.
16 “Genda okuŋŋaanye abakadde ba Isirayiri, obategeeze nti, ‘MUKAMA,
Katonda wa bajjajjammwe, Katonda wa Ibulayimu, era owa Isaaka, era
owa Yakobo, yandabikira, n’aŋŋamba nti, Ntunuulidde abantu bange, ne
ndaba ebibakolebwa mu Misiri.
17 Kyenvudde nsuubiza okubaggya mu kubonaabona kwe balimu mu
Misiri, mbaleete mu nsi y’Abakanani, n’Abakiiti, n’Abamoli, n’Abaperezi,
n’Abakiivi, n’Abayebusi; y’ensi ekulukuta amata n’omubisi gw’enjuki.’
18 “Abakadde ba Isirayiri bagenda kuwuliriza by’ogamba. Kale, ggwe
n’abakadde ba Isirayiri muligenda eri kabaka wa Misiri ne mumugamba
nti, ‘MUKAMA, Katonda w’Abaebbulaniya yeeraga gye tuli. Tukkirize
tugende mu ddungu, olugendo lwa nnaku ssatu, tuweeyo ssaddaaka eri
MUKAMA Katonda waffe.’
19 Naye mmanyi nga kabaka w’e Misiri talibakkiriza kugenda, wabula
ng’awalirizibbwa n’amaanyi mangi.
20 Kyendiva nkozesa amaanyi gange, ne mbonereza Misiri n’ebyamagero
bye ndikolera mu nsi omwo; n’oluvannyuma alibakkiriza ne mugenda.
21 “Era Abamisiri ndibaagazisa abantu abo; bwe mutyo bwe muliba
musitula, temulivaayo ngalo nsa.
22 Buli mukazi Omuyisirayiri alisaba omukazi Omumisiri muliraanwa
we, n’oyo bwe basula mu nju emu, ebitemagana ebya ffeeza n’ebya zaabu,

n’engoye ez’okwambala. Ebyo byonna mulibyambaza batabani bammwe
ne bawala bammwe; Abamisiri ne muleka nga mubakalizza.”

# 4

## *MUKAMA awa Musa Obuyinza Okukola Ebyamagero*

1 Musa n’addamu nti, “Tebagenda kunzikiriza, wadde okuwuliriza ebyo
bye mbagamba: kubanga bagenda kwogera nti, MUKAMA takulabikiranga.”
2 Awo MUKAMA n’amubuuza nti, “Ekyo kiki ekiri mu ngalo zo?”
N’addamu nti, “Muggo.”
3 MUKAMA Katonda n’amugamba nti, “Gusuule wansi.”
Musa n’agusuula wansi; ne gufuuka omusota, n’agudduka!
4 MUKAMA n’agamba Musa nti, “Golola omukono gwo ogukwate akawu-
uwo ogusitule.” N’agolola omukono gwe n’agukwata, ne gufuuka omuggo
mu mukono gwe.
5 MUKAMA n’amugamba nti, “Bw’olikola bw’otyo bagenda kukukkiriza,
era balitegeera nga MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe, Katonda wa
Ibulayimu, era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo, yakulabikira.”
6 MUKAMA n’amugamba nate nti, “Yingiza omukono gwo munda mu
kyambalo kyo.” N’ayingiza omukono gwe munda mu kyambalo kye: bwe
yaguggyaayo, laba, nga gujjudde ebigenge nga gutukula ng’omuzira.
7 Ate n’amugamba nti, “Zzaayo omukono gwo munda mu kyambalo
kyo.” Musa n’azzaayo omukono gwe mu kyambalo kye. Bwe yaguggyaayo,
laba nga gufuuse mulamu ng’omubiri gwe ogwa bulijjo.
8 MUKAMA n’agamba Musa nti, “Bwe batalikukkiririza ku kabonero
akasoose, balikukkiririza ku kabonero akookubiri.
9 Bwe bagaananga okukukkiriza nga bamaze okulaba obubonero obwo
bwombi, osenanga amazzi mu mugga n’ogayiwa ku lukalu; amazzi ago
g’olisena mu mugga, galifuuka omusaayi ng’ogayiye ku lukalu.”
10 Awo Musa n’agamba MUKAMA nti, “Ayi Mukama wange, siri mwogezi
mulungi okuva edda n’edda, wadde ne mu kiseera kino ggwe kaayogerera
nange, omuddu wo; njogera nnembeggerera ate nga bwe nnaanaagira.”
11 MUKAMA n’amuddamu nti, “Ani yakola akamwa k’omuntu? Ani
yatonda bakasiru, ne bakiggala, n’abatunula, ne bamuzibe? Si nze,
MUKAMA?
12 Kaakano, genda! Nnaakuyambanga ng’oyogera, era nnaakuyigi-
rizanga by’onooyogeranga.”
13 Naye Musa n’agamba nti, “Mukama wange, nkwegayiridde tuma
omuntu omulala.”
14 MUKAMA n’asunguwalira nnyo Musa, n’amugamba nti, “Muganda wo
Alooni Omuleevi, taliiwo? Mmanyi nga mwogezi mulungi; era, laba, ajja
gy’oli, era bw’anaakulabako ajja kusanyuka mu mutima gwe.
15 Ggwe ojja kwogeranga naye, nze nnaakutegeezanga
ky’onoomugambanga, nange n’abayambanga mwembi, ne mbayigiriza
eky’okukola.
16 Y’anaakwogerereranga eri abantu, ng’abategeeza bye wandiyogedde;
ggwe n’oba nga Katonda gy’ali, ng’omutegeezanga by’anaayogeranga.
17 Era oligenda n’omuggo guno, ng’ogukutte mu mukono gwo;
gw’onookozesanga ebyamagero.”
18 Awo Musa n’addayo eri Yesero, kitaawe wa mukazi we n’amugamba
nti, “Nkusaba onzikirize ŋŋende ndabe obanga baganda bange e Misiri
bakyali balamu.” Yesero n’addamu Musa nti, “Genda mirembe.”

### *Musa Addayoko e Misiri*

19 Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa e Midiyaani nti, "Genda, oddeyo e Misiri kubanga abantu bonna abaali baagala okukutta, baafa."
20 Musa n'addira mukyala we n'abaana be, n'abassa ku ndogoyi, n'asitula okuddayo mu nsi y'e Misiri, ng'akutte omuggo gwa Katonda mu ngalo ze.
21 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Bw'oddangayo e Misiri, okoleranga ebyamagero ebyo byonna bye nkulaze, awali Falaawo. Nze ndikakanyaza omutima gwe, abantu bange aleme okubakkiriza okugenda.
22 Falaawo omugambanga bw'oti nti, MUKAMA agambye nti, 'Isirayiri mutabani wange, ye mwana wange omubereberye;
23 era nkulagira oleke omwana wange agende ampeereze; naye singa ogaana okumuleka okugenda, laba, nditta mutabani wo omubereberye.' "
24 Awo bwe baali bagenda nga batuuse ku nnyumba y'abagenyi, MUKAMA n'amulabikira, n'ayagala okumutta.
25 Naye Zipola n'addira ejjinja eryogi, n'akomola omwana we, ekikuta n'akisuula ku bigere bya Musa, n'amugamba nti, "Oli baze wa musaayi!"
26 Awo MUKAMA n'amuleka. Mu kaseera ako Zipola we yayogerera ku kukomola nti, "Baze wange ng'osaabye omusaayi!"
27 Awo MUKAMA n'agamba Alooni nti, "Genda mu ddungu, osisinkane Musa. N'agenda, n'amusanga ku lusozi lwa Katonda, ne bagwaŋŋana mu bifuba."
28 Musa n'abuulira Alooni ebigambo byonna MUKAMA bye yali amutumye okwogera, n'obubonero bwonna obw'ebyamagero bwe yamulagira okukola.
29 Musa ne Alooni ne bagenda, ne bakuŋŋaanya abakulu abakulembeze b'abaana ba Isirayiri;
30 Alooni n'abategeeza byonna MUKAMA bye yagamba Musa; era n'abakolera n'obubonero,
31 ne bakkiriza. Era bwe baawulira nga MUKAMA yakyalira abaana ba Isirayiri, n'alaba okubonaabona kwabwe, ne bakoteka emitwe gyabwe ne basinza.

# 5

### *Falaawo Aziyiza Abayisirayiri Okuva mu Misiri*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, Musa ne Alooni ne bajja eri Falaawo, ne bamugamba nti, "Tutumiddwa MUKAMA Katonda wa Isirayiri ng'akugamba nti, 'Leka abantu bange bagende, bankolere embaga mu ddungu.' "
2 Naye Falaawo n'abaddamu nti, "MUKAMA ye ani, mmugondere, nzikirize Abayisirayiri okugenda? MUKAMA ssimumanyi, era sijja kubakkiriza kugenda."
3 Ne bamugamba nti, "Katonda w'Abaebbulaniya yatulabikira. Tukusaba otuleke tugende olugendo lwa nnaku ssatu mu ddungu, tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda waffe;* aleme kututta ne kawumpuli, oba n'ekitala."
4 Naye kabaka w'e Misiri n'abagamba nti, "Mmwe Musa ne Alooni, lwaki mwagala okuggya abantu ku mirimu gyabwe? Muddeeyo mangu ku mirimu gyammwe."

---

* **5:3** Abamisiri baatwalanga ensolo ng'ente okuba ensolo ezawongebwa, era ekyo kye kyagenderrwa mu kugenda olugendo okuva awaali Abamisiri, okuwaayo ssaddaaka (laba 8:22)

5 Falaawo n'ayongera n'agamba nti, "Kale, mulabe abantu nga bwe beeyongedde obungi mu ggwanga ate mmwe mubaziyiza kukola."
6 Ku lunaku olwo lwennyini Falaawo n'alagira abagabi b'emirimu ne bannampala b'abantu† nti,
7 "Mulekeraawo okuwanga abantu essubi ery'okukozesa mu kubumba amatoffaali; mubaleke bagende beenoonyezenga essubi lyabwe.‡
8 Naye mubalagire babumbenga obungi bw'amatoffaali bwe bumu nga ge babadde babumba; temukendeezanga ku muwendo ogwabasalirwa. Bagayaavu; era kyebava bankaabirira nti, 'Tuleke tugende tuweeyo ssaddaaka eri Katonda waffe.'
9 Abasajja mubongereko ku mirimu gye mubasalira, bakole nnyo, balyoke baleme na kufa ku ebyo bye babalimbalimba."

## *Abakozesa Bongera ku Mirimu gy'Abayisirayiri*

10 Awo abakozesa ne bannampala ne bagenda ne bategeeza abantu nti, "Falaawo agambye bw'ati nti, 'Sijja kwongera kubawanga ssubi.
11 Mugende mwenoonyeze essubi yonna gye musobola okuliraba; kyokka emirimu gyammwe tegijja kukendeezebwako n'akatono.' "
12 Bwe batyo abantu ne basaasaanira Misiri yonna okukuŋŋaanya obukonge bw'essubi ly'eŋŋaano bakozese obwo mu kifo ky'essubi.
13 Abakozesa ne babakuluusanyanga nga babalagira nti, "Emirimu gyammwe egibasalirwa buli lunaku, mugituukirize nga bwe mwakolanga ng'essubi likyabaweebwa."
14 Bannampala Abayisirayiri, abaalondebwa abakozesa ba Falaawo, ne bakubibwanga nga bwe babuuzibwa nti, "Lwaki omuwendo gw'amatoffaali ogwa jjo n'ogwa leero ogwabasalirwa temugutuukirizza nga bwe mwakolanga edda?"
15 Awo bannampala Abayisirayiri ne bajja ne bajulira ewa Falaawo, ne bamugamba nti, "Ffe abaddu bo, lwaki otuyisizza bw'oti?
16 Abaddu bo tetuweebwa ssubi, kyokka tulagirwa nti, 'Mubumbe amatoffaali!' Abaddu bo tukubibwa, so ng'omusango guli mu bantu bo."
17 Falaawo n'abaddamu nti, "Muli bagayaavu bugayaavu kyokka. Kyemuva mundeeberera nti, 'Tuleke tugende tuweeyo ssaddaaka eri Mukama.'
18 Kale, mugende mukole! Temujja kuweebwa ssubi, naye muteekwa okubumba omuwendo gw'amatoffaali omujjuvu nga bwe gwabasalirwa."
19 Bannampala Abayisirayiri ne bategeera ng'akacwano kabatuukiridde, bwe baagambibwa nti, "Omuwendo gw'amatoffaali ogwabasalirwa okubumbanga buli lunaku tegujja kukendeezebwako."
20 Bwe baava ewa Falaawo, baasanga Musa ne Alooni nga babalindiridde.
21 Bannampala ne babagamba nti, "Mukama abatunuulire era asalewo; kubanga mutufudde ekyenyinyalwa ewa Falaawo n'abaweereza be, era mubakwasizza ekitala okututta."

## *Katonda Asuubiza Okununula Abayisirayiri*

† **5:6** Abagabi b'emirimu baali Bamisiri, ate nga bannampala b'abantu Bayisirayiri. ‡ **5:7** Amatoffaali gakazibwanga mu musana, essubi nga likozesebwa okwongera okugagumya. Mu biseera ebyamakungula, ebitundu ebya waggulu empeke kwe zibeera bye byatemebwanga, ebikolo ebya wansi ne birekebwa mu nnimiro. Ebikolo ebyo ebya wansi, ebyasigalanga mu nnimiro, Falaawo bye yabagamba bateme okubumba amatoffaali.

[22] Awo Musa n'akomawo awali MUKAMA, n'ayogera nti, "Ayi Mukama, abantu bano lwaki obaleetedde emitawaana? Eyo y'ensonga kyewava ontuma?
[23] Kubanga kasookedde ŋŋenda ne njogera ne Falaawo mu linnya lyo, abantu bo abataddeko ebizibu bingi; era abantu bo tobawonyezza n'akatono."

# 6

[1] Awo MUKAMA n'addamu Musa nti, "Kaakano ojja kulaba kye nnaakola Falaawo. Kubanga alibaleka ne bagenda olw'amaanyi, era olw'amaanyi alibagoba mu nsi ye."
[2] Katonda n'agamba Musa nti, "Nze MUKAMA.
[3] Nalabikira Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo nga Katonda Ayinzabyonna; kyokka saabategeeza linnya lyange nti Nze MUKAMA.
[4] Era nabasuubiza mu ndagaano yange okubawa ensi ya Kanani, gye baabeerangamu ng'abagwira abatambuze.
[5] Kaakano mpulidde okusinda kw'abaana ba Isirayiri abatuntuzibwa Abamisiri mu buddu, ne nzijukira endagaano yange.
[6] "Noolwekyo tegeeza abaana ba Isirayiri nti, 'Nze MUKAMA. Ndibatikkulako emigugu gy'Abamisiri, era ndibawonya obuddu, ne mbanunula n'omukono gwange ogw'amaanyi nga nsalira Abamisiri omusango.
[7] Ndibafuula abantu bange, era nnaabeeranga Katonda wammwe, era mulitegeera nga nze MUKAMA Katonda wammwe abawonyezza ebizibu by'Abamisiri.
[8] Ndibaleeta mu nsi gye nalayira okuwa Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo; ndigibawa n'efuuka yammwe. Nze MUKAMA.' "
[9] Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri ebigambo ebyo. Naye tebaamuwuliriza, kubanga emitima gyali gibennyise, nga n'okutuntuzibwa kubayitiridde.
[10] Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
[11] "Genda otegeeze Falaawo kabaka w'e Misiri aleke abaana ba Isirayiri bave mu nsi ye."
[12] Naye Musa n'addamu MUKAMA nti, "Laba, abaana ba Isirayiri bagaanyi okumpuliriza, kale Falaawo anampuliriza atya nze atayogera bulungi?"
[13] Naye MUKAMA n'ayogera ne Musa ne Alooni, n'abalagira bategeeze abaana ba Isirayiri ne Falaawo nti, MUKAMA abalagidde okuggya abaana ba Isirayiri mu nsi y'e Misiri.

### *Obuzaale bwa Musa ne Alooni*

[14] Gano ge mannya aga bajjajjaabwe ab'omu bika byabwe:

Batabani ba Lewubeeni, mutabani wa Isirayiri omubereberye, be bano:
Kanoki ne Palu, Kezulooni ne Kalumi.

[15] Batabani ba Simyoni:
Yamweri ne Yamini, ne Okadi, Yakini ne Zokali, Sawuli (omwana w'omukyala Omukanani).
Abo be b'omu mu bika bya Simyoni.

[16] Gano ge mannya ga batabani ba Leevi ng'emirembe bwe giri:
Gerusoni ne Kokasi ne Merali.
Leevi yawangaala emyaka kikumi mu asatu mu musanvu.

17 Batabani ba Gerusoni be bano mu bika byabwe:
Libuni ne Simeeyi.
18 Bano be batabani ba Kokasi:
Amulaani ne Izukali, Kebbulooni ne Wuziyeeri.
Kokasi yawangaala emyaka kikumi mu asatu mu esatu.
19 Bano be batabani ba Merali:
Makuli ne Musi.
Abo be b'omu bika bya Leevi ng'emirembe gyabwe bwe gyali.

20 Amulaamu n'awasa senga we Yokebedi; n'amuzaalira: Alooni ne Musa.
Amulaamu n'awangaala emyaka kikumi mu asatu mu musanvu.
21 Bano be baana ba Izukali:
Koola ne Nefega ne Zikiri.
22 Abaana ba Wuziyeeri be bano:
Misayeri ne Erizafani ne Sisiri.
23 Alooni n'awasa Eriseba, muwala wa Aminadaabu era nga ye mwannyina wa Nakayisoni. Yamuzaalira abaana bano: Nadabu ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.

24 Bano be baana ba Koola:
Asira ne Erukaana, ne Abiyasaafu.
Abo be b'omu kika kya Abakoola.

25 Eriyazaali, mutabani wa Alooni, yawasa omu ku bawala ba Putiyeeri, n'amuzaalira Finekaasi.

Ago ge mannya g'abakulu b'ebika by'Abaleevi, n'ennyumba zaabwe mu bika ebyo.

26 Abo ye Alooni ne Musa MUKAMA be yalagira nti, "Muggyeeyo abaana
ba Isirayiri bonna mu nsi y'e Misiri."
27 Be bo abaayogera ne Falaawo, kabaka w'e Misiri, ku by'okuggyayo
abaana ba Isirayiri mu Misiri. Ye Musa oyo, ne Alooni oyo.
28 Ku lunaku olwo MUKAMA kwe yayogerera ne Musa mu nsi y'e Misiri,
29 MUKAMA yagamba Musa nti, "Nze MUKAMA. Tegeeza Falaawo, kabaka
w'e Misiri, buli kimu kyonna kye nkugamba."
30 Naye Musa n'addamu MUKAMA nti, "Nze atamanyi kwogera bulungi,
Falaawo anampuliriza atya?"

# 7

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Laba, nkufudde nga Katonda awali
Falaawo, ne muganda wo Alooni y'ajja okubeera nnabbi wo.
2 Ojjanga kwogera bye nkulagira, ne muganda wo Alooni ayogere ne
Falaawo asobole okuleka abaana ba Isirayiri bave mu nsi ye.
3 Naye ndikakanyaza omutima gwa Falaawo; ne bwe ndikolera ebyamagero ebingi ennyo mu nsi y'e Misiri,
4 tagenda kubawuliriza. Ndirumba Misiri n'amaanyi, ne ngisalira
omusango, ne ndyoka nzigyayo abantu bange Abayisirayiri bonna.
5 Era Abamisiri balitegeera nti Nze MUKAMA, bwe ndirumba Misiri
n'amaanyi ne nzigyayo Abayisirayiri."

### *Omuggo gwa Alooni Gufuuka Omusota*

6 Awo Musa ne Alooni ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira.

7 We baayogerera ne Falaawo, Musa yali aweza emyaka kinaana egy'obukulu, ne Alooni ng'aweza emyaka kinaana mu esatu.

8 MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti,

9 "Falaawo bw'anaabagamba nti, 'Mukoleeyo ekyamagero,' nga ggwe ogamba Alooni nti, 'Ddira omuggo gwo ogusuule wansi awali Falaawo,' era gunaafuuka omusota."

10 Awo Musa ne Alooni ne bagenda ewa Falaawo, ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira. Alooni n'asuula omuggo gwe wansi awali Falaawo n'abaweereza be, ne gufuuka omusota.

11 Falaawo naye n'atumya basajja be abagezigezi, n'abalogo; abakujjukujju abo Abamisiri ne bakola ekintu kye kimu mu magezi gaabwe ag'ekyama.

12 Kubanga nabo baasuula wansi emiggo gyabwe, ne gifuuka emisota; naye omuggo gwa Alooni ne gumira emiggo gyabwe.

13 Naye era omutima gwa Falaawo ne gukakanyala, nga MUKAMA bwe yali agambye.

### *Amazzi Gafuuka Omusaayi*

14 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Omutima gwa Falaawo gukakanyadde, era agaanye okuleka abantu okugenda.

15 Mu makya genda eri Falaawo ng'afuluma okulaga ku mazzi, omulindirire ku lubalama lw'omugga Kiyira*. Era twala n'omuggo ogwafuuka omusota.

16 Olyoke omugambe nti, 'MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya yantuma gy'oli ng'agamba nti, Leka abantu bange bajje mu ddungu bansinze; naye, laba, n'okutuusa leero okyagaanyi okuŋŋondera.'

17 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Ku kino kw'olitegeerera nga nze MUKAMA: laba ndikuba ku mazzi agali mu mugga, n'omuggo oguli mu mukono gwange, era galifuuka musaayi,

18 n'ebyennyanja ebiri mu mugga birifa, n'omugga guliwunya; era n'Abamisiri nga tebakyayagala kunywa ku mazzi gaagwo.' "

19 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza Alooni nti, 'Twala omuggo gwo ogwolekeze amazzi gonna mu Misiri: ku migga gyabwe, n'emikutu gyabwe, n'obuyanja bwabwe, n'ebidiba byabwe, byonna bifuuke musaayi. Era wagenda kubeerawo omusaayi mu nsi yonna ey'e Misiri: mu ntiba ez'emiti ne mu matogero ag'amayinja.' "

20 Awo Musa ne Alooni ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira. Alooni n'addira omuggo gwe n'akuba ku mazzi ag'omu mugga, nga Falaawo n'abaweereza be balaba; amazzi gonna ag'omu mugga ne gafuuka omusaayi.

21 Era n'ebyennyanja byonna mu mugga Kiyira ne bifa. Omugga ne guwunya, Abamisiri nga tebakyasobola kunywa mazzi ga mu mugga Kiyira; omusaayi ne gubuna wonna mu nsi y'e Misiri.

22 Abalogo ab'omu Misiri nabo ne bakola bwe batyo mu magezi gaabwe ag'ekyama. Omutima gwa Falaawo ne gweyongera okukakanyala, ebya Musa ne Alooni n'atabiwuliriza era nga MUKAMA bwe yali agambye;

---

* **7:15** Kiyira Falaawo yagendanga okusinza lubaale w'Omugga Kiyira (kitaawe wa balubaale). Noolwekyo okukwata ku Kiyira, kyali nga kukwata mu liiso lya Misiri lyennyini.

23 n'akyuka ne yeddirayo mu lubiri lwe, nga byonna ebibaddewo tabissizzaako mwoyo.
24 Abamisiri bonna ne basimaasima okumpi n'omugga nga banoonya amazzi ag'okunywa, kubanga amazzi g'omu mugga nga tegakyanyweka.
25 Awo ne wayitawo ennaku musanvu okuva ku lunaku MUKAMA lwe yakubirako omugga.

# 8

*Ebikere Bibuna mu Bamisiri*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ggenda ewa Falaawo omugambe nti, 'MUKAMA agambye bw'ati nti, "Leka abantu bange bagende, balyoke bansinze.
2 Naye bw'onoogaana n'otabakkiriza kugenda, laba, nnaasindika ebikere ne bijjula ensi yo yonna.
3 Omugga gulivaamu ebikere enkumu ennyo ebirituuka ne mu lubiri lwo. Biriyingira mu kisenge kyo mw'osula, ne ku kitanda kyo. Biriyingira mu nnyumba z'abaweereza bo ne mu z'abantu bo. Biriyingira ne mu byoto omufumbirwa.
4 Ebikere birikuwalampa ne bikutambulirako ne ku bakungu bo bonna ne ku bantu bo." ' "
5 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza Alooni nti, 'Golola omukono gwo oyolekeze omuggo gwo eri emigga, n'eri emikutu gy'amazzi, n'eri ebidiba, osobozese ebikere okubuna ensi yonna ey'e Misiri.' "
6 Bw'atyo Alooni n'agolola omukono gwe ku mazzi gonna ag'omu Misiri; ebikere ne bivaayo ne bijjula ensi yonna ey'e Misiri.
7 Abalogo nabo ne bakola bwe batyo mu magezi gaabwe ag'ekyama, nabo ne baleeta ebikere mu nsi ey'e Misiri.
8 Awo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni n'abagamba nti, "Mwegayirire MUKAMA anziggyeeko ebikere bino era ne ku bantu bange, ndyoke nange ndeke abantu bammwe bagende baweeyo ssaddaaka eri MUKAMA."
9 Musa n'addamu Falaawo nti, "Weerondere ekiseera nga bw'osiima, w'oyagalira neegayirire MUKAMA ku lulwo ne ku lw'abaweereza bo, ne ku lw'abantu bo, ebikere ebikuliko n'ebiri mu nnyumba zo bizikirizibwe, bisigale mu mugga Kiyira mwokka."
10 Falaawo n'agamba nti, "Enkya." Musa n'agamba nti, "Kijja kubeera nga bw'ogambye, olyoke otegeere nga bwe watali n'omu afaanana nga MUKAMA Katonda waffe.
11 Ebikere bijja kukuviira, bive ne mu mayumba go, biviire n'abaweereza bo n'abantu bo; bijja kusigala mu mugga mwokka."
12 Awo Musa ne Alooni ne bava ewa Falaawo. Musa ne yeegayirira MUKAMA olw'ebikere MUKAMA bye yali aleetedde Falaawo.
13 MUKAMA n'akolera Musa kye yamusaba. Ebikere ne bifiira mu mayumba, ne mu mpya mu byalo, ne mu nnimiro.
14 Ne bikuŋŋaanyizibwa entuumo n'entuumo; ensi n'ejjula ekivundu.
15 Naye Falaawo bwe yalaba nga waliwo wassiza ku mukka, n'akakanyaza omutima gwe, ebya Musa ne Alooni n'alekera awo okubi-wuliriza, era nga MUKAMA bwe yali agambye.

*Ensekere Zibuna mu Bamisiri*

16 Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa nti, "Gamba Alooni bw'oti nti, 'Golola omuggo gwo, okube ku nfuufu eri ku ttaka, eryoke efuuke ensekere mu nsi yonna ey'e Misiri.' "

17 Ne bakola nga MUKAMA bw'abagambye; Alooni n'agolola omukono
gwe ogwali gukute omuggo, n'akuba ku nfuufu ku ttaka, ne muvaamu
ensekere ne zitambulira ku bantu ne ku nsolo; enfuufu yonna mu nsi y'e
Misiri n'efuuka nsekere.
18 Abalogo nabo ne bagezaako mu magezi gaabwe ag'ekyama okufuusa
ensekere, naye ne balemwa. Ensekere ne ziteevuunya ku bantu ne ku
nsolo.
19 Abalogo ne bagamba Falaawo nti, "Engalo ya Katonda bino y'ebikoze."
Naye omutima gwa Falaawo ne gukakanyala, n'atabawuliriza, nga
MUKAMA bwe yali agambye.

### *Ensowera Zibuna mu Bamisiri*

20 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Keera mu makya nnyo, ogende
osisinkane Falaawo ng'aserengeta ku mazzi omugambe nti, 'MUKAMA
agambye bw'ati nti, Leka abantu bange bagende, bansinze.
21 Naye abantu bange bw'otoobakkirize kugenda, laba, ndireeta
ebikuukuulu by'ensowera, ku ggwe ne ku baweereza bo, ne ku bantu bo,
ne mu nnyumba zammwe. Ensowera zirijjula mu mayumba ga Bamisiri
ne ku ttaka kwe gaazimbibwa.
22 " 'Naye ku lunaku olwo, ekitundu Goseni abantu bange gye babeera
ndikiyisa mu ngeri ya njawulo; kubanga yo teribaayo bikuukuulu bya
nsowera n'akatono, olyoke otegeere nga nze, MUKAMA, ndi wano wakati
mu nsi.
23 Nzija kussaawo enjawulo wakati w'abantu bange n'abantu bo.
Ekyamagero kino kijja kubaawo enkeera.' "
24 MUKAMA n'akola bw'atyo. Ebikuukuulu by'ensowera ne byeyiwa mu
lubiri lwa Falaawo, mu nnyumba ye, ne mu mayumba g'abaweereza
be, ne mu nsi yonna ey'e Misiri: ensi n'eyonooneka olw'ebikuukuulu
by'ensowera.
25 Awo Falaawo n'atumira Musa ne Alooni, n'abagamba nti, "Kale,
muweereeyo wano mu nsi eno ssaddaaka eri Katonda wammwe."
26 Naye Musa n'addamu nti, "Ekyo bwe tukikola, tekijja kuba kituufu.
Kubanga ssaddaaka ze tuwaayo eri MUKAMA Katonda waffe, Abamisiri
tebajja kuzaagala. Kale singa tuddira ssaddaaka Abamisiri ze bakyawa
ennyo bwe batyo, ne tuziwaayo nga balaba, tebajja kutukuba amayinja?
27 Kitugwanira tutambule olugendo lwa nnaku ssatu mu ddungu,
tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda waffe nga bw'anaatulagira."
28 Falaawo n'agamba nti, "Nzija kubaleka mugende muweeyo ssaddaaka
eri MUKAMA Katonda wammwe mu ddungu, kyokka temugenda ewala
ennyo. Kale munsabire."
29 Musa n'addamu nti, "Bwe nnaaba nakava wano w'oli nzija kus-
aba MUKAMA, enkya ensowera ziviire Falaawo n'abakungu be awamu
n'abantu be. Naye kirungi Falaawo aleme nate kulimbalimba, n'atakkiriza
bantu kugenda kuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA."
30 Musa n'avaayo ewa Falaawo, n'asaba MUKAMA.
31 MUKAMA n'akola nga Musa bwe yamusaba, n'aggyawo ebikuukuulu
by'ensowera ewa Falaawo ne mu baweereza be, ne mu bantu be; ne
watasigala nsowera n'emu.
32 Kyokka ne ku mulundi guno, Falaawo yakakanyaza omutima gwe,
abantu n'atabakkiriza kugenda.

# 9

### *Nsotoka mu Magana ag'Abamisiri*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Genda ewa Falaawo omugambe
nti, MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya agambye nti, 'Leka abantu bange
bagende, bansinze.
2 Singa ogaana okubakkiriza okugenda, n'oyongera okubakuumira
wano,
3 MUKAMA ajja kusindika nsotoka omukambwe ennyo mu magana go
agali mu malundiro, ne mu mbalaasi ne mu ndogoyi, ne mu ŋŋamira, ne
mu zisseddume z'ente ne mu ndiga.
4 Naye MUKAMA ajja kwawulamu amagana aga Isirayiri n'aga Misiri,
waleme kubaawo nsolo n'emu efa mu magana ag'abaana ba Isirayiri.' "
5 MUKAMA n'alonda ekiseera, n'agamba nti, "Enkya MUKAMA
w'anaakolera ekintu kino mu nsi eno."
6 Era enkeera MUKAMA n'akola ekikolwa ekyo: amagana aga Misiri
gonna ne gafa, naye ne wataba nsolo n'emu ku magana ag'abaana ba
Isirayiri eyafa.
7 Falaawo n'atuma abantu okwetegereza, ne basanga nga tewali wadde
ensolo n'emu ey'abaana ba Isirayiri eyali efudde. Naye era omutima gwa
Falaawo ne gusigala nga gukyakakanyadde, Abayisirayiri n'atabakkiriza
kugenda.

### *Amayute n'Amabwa mu Bamisiri*

8 Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, "Muyoole mu kyokero
embatu z'omunyale, Musa agumanse waggulu mu bbanga nga ne Falaawo
alaba.
9 Gujja kufuuka nfuufu mu nsi yonna ey'e Misiri, guleete amayute ku
bantu ne ku nsolo aganaatulikamu amabwa mu nsi yonna ey'e Misiri."
10 Bwe batyo ne bayoola omunyale mu kyokero, ne bagenda bayimirira
mu maaso ga Falaawo. Musa n'amansa evvu waggulu mu bbanga, ne
lifuuka amayute, ne gatulikamu amabwa ku bantu ne ku nsolo.
11 Abalogo ne batasobola kuyimirira mu maaso ga Musa olw'amayute;*
kubanga amayute gaakwata abalogo n'Abamisiri bonna.
12 Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atawuliriza
Musa ne Alooni, era nga MUKAMA bwe yagamba Musa.

### *Amayinja g'Omuzira Gagwa mu Bamisiri*

13 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ozuukuka mu makya nnyo,
n'ogenda oyolekera Falaawo, n'omugamba nti, MUKAMA Katonda wa
Abaebbulaniya agamba bw'ati nti, 'Leka abantu bange bagende, bam-
peereze.
14 Kubanga ku mulundi guno nzija kukusindikira kawumpuli ku ggwe
kennyini, ne ku baweereza bo, ne ku bakungu bo, olyoke otegeere nga
tewali ali nga nze mu nsi yonna.
15 Kubanga nandiyinzizza okugolola omukono gwange ne nkusindikira
olumbe, ggwe n'abantu bo, ne lubamalawo ku nsi.
16 Naye olw'ensonga eno kyennava nkuleka n'obeera mulamu, ndyoke
njolese amaanyi gange, era n'erinnya lyange liryoke litegeezebwe mu nsi
yonna.

---

* **9:11** Ebirwadde n'ebibonoobono ebyasooka byali bituuse ku bintu ebisinzibwa, kyokka ekirwadde kino kyali kituuse ku balogo, baleme kuddayo nate kutawanya Musa.

17 Kyokka okyekulumbaliza ku bantu bange n’otobakkiriza kugenda,
18 noolwekyo, enkya obudde nga bwe buti, nzija kusindika kibuyaga
ow’omuzira ogw’amayinja ogutagwangako mu Misiri kasookedde ensi eyo
ebaawo.
19 Kale, lagira bayingize amagana go ag’ente, n’ebisolo byonna ebiri mu
ddundiro, kubanga omuzira gujja kukuba buli muntu ali ebweru era ajja
kufa; ne buli nsolo yonna eneebeera ebweru mu ddundiro gujja kugikuba
efe.’ ”
20 Abakungu ba Falaawo abaali batya ekigambo kya MUKAMA, ne
banguwa ne bayingiza abaddu baabwe n’amagana gaabwe.
21 Naye abo abatassaayo mwoyo ku kigambo kya MUKAMA ne baleka
abaddu baabwe n’amagana gaabwe ebweru.
22 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti, “Golola omukono gwo eri eggulu,
omuzira gugwe ku nsi yonna ey’e Misiri: gukube abantu, n’ensolo, ne buli
kimera kyonna ekiri mu nnimiro mu Misiri.”
23 Musa n’ayolekeza omuggo gwe eri eggulu; MUKAMA n’asindika
okubwatuka n’omuzira; laddu ne yakira ku ttaka. Bw’atyo MUKAMA
n’atonnyesa omuzira ku nsi y’e Misiri.
24 Omuzira ne gugwa, n’okumyansa ne kwetabika n’omuzira awatali
kusalako, ne guba mungi nnyo, nga tegugwangako bwe gutyo kasookedde
ensi ya Misiri efuuka ggwanga.
25 Omuzira gwakuba buli kintu kyonna ekyali ebweru mu nnimiro mu
nsi yonna ey’e Misiri: abantu n’ensolo; era omuzira ne gukuba buli kimera
kyonna mu nnimiro, ne gusensebula emiti gyonna ku ttale.
26 Ekitundu kyokka ekitaatuukwamu muzira, kye kya Goseni, abaana ba
Isirayiri gye baabeeranga.
27 Awo Falaawo n’atumya Musa ne Alooni, n’abagamba nti, “Leero luno
nnyonoonye; MUKAMA ye mutuufu, naye nze n’abantu bange ffe bakyamu.
28 Weegayirire MUKAMA; kubanga omuzira n’okubwatuka bitwetamizza.
Nzija kubaleka mugende; siraba kyemuva mweyongera kubeera wano.”
29 Musa n’addamu nti, “Olunaafuluma mu kibuga, nnaagolola emikono
gyange waggulu eri MUKAMA ne mmusaba. Okubwatuka kunaasirika,
n’omuzira gunaalekera awo okugwa; olyoke otegeere ng’ensi eno MUKAMA
ye nannyini yo.
30 Kyokka mmanyi nga ggwe n’abakungu bo temunnatya MUKAMA
Katonda.”
31 (Obugoogwa ne sayiri byakubwa ne bizikirizibwa, kubanga sayiri yali
ayengera nga n’obugoogwa bumulisizza.
32 Naye eŋŋaano n’omukyere, byo tebyayonoonebwa kubanga byali
tebinnayengera.)
33 Musa n’ava mu kibuga ewa Falaawo, n’awanika emikono gye eri
MUKAMA ng’amusaba; okubwatuka n’omuzira ne bisirika, era n’enkuba
n’ekya.
34 Naye Falaawo bwe yalaba enkuba, n’omuzira, n’okubwatuka nga
birekeddaawo, ate ne yeeyongera okusobya; ye n’abakungu be ne
bakakanyaza emitima gyabwe.
35 Omutima gwa Falaawo bwe gutyo ne gukakanyala; n’ataleka baana
ba Isirayiri kugenda, era nga MUKAMA bwe yayogerera mu Musa.

# 10

### *Enzige Zirya Ebirime by’Abamisiri*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Genda eri Falaawo, kubanga
nnyongedde okukakanyaza omutima gwe, n'omutima gw'abaweereza be,
ndyoke mbalage ebyamagero byange bino:
2 era naawe onyumize abaana bo, n'abaana b'abaana bo, ebintu bye
nkoledde mu Misiri, n'ebyamagero bye mbalaze; nammwe mulyoke
mutegeere nga nze MUKAMA."
3 Awo Musa ne Alooni ne bagenda ewa Falaawo, ne bamugamba nti,
"MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya n'agamba bw'ati nti, 'Olituusa
ddi ng'okyagaanye okwetoowaza mu maaso gange? Leka abantu bange
bagende, bansinze.
4 Singa ogaana okubakkiriza okugenda, enkya nzija kuleeta enzige mu
nsi yo.
5 Zijja kubikka ensi yonna, wabulewo n'omuntu w'ayisa eriiso okulaba
ettaka. Zijja kulya ebyo omuzira bye gwalekawo, zirye ne buli muti
ogukula mu nnimiro.
6 Zinajjuza amayumba go, n'amayumba g'abakungu bo bonna,
n'amayumba g'Abamisiri bonna; ekyo bakadde bo, ne bakadde ba
bakadde bo nga tebakirabangako kasookedde babeera mu nsi eno
n'okutuusa leero.' " Musa n'akyuka n'aviira Falaawo.
7 Abakungu ba Falaawo ne bamugamba nti, "Omusajja ono alituusa ddi
ng'atufuukidde omutego? Leka abantu bagende basinze MUKAMA Katonda
waabwe. Ggwe tolaba Misiri nga bw'eweddewo?"
8 Musa ne Alooni ne bazzibwa awali Falaawo. N'abagamba nti, "Kale,
mugende musinze MUKAMA Katonda wammwe. Naye abagenda be baani?"
9 Musa n'addamu nti, "Abakulu n'abato, batabani baffe ne bawala baffe
bonna tujja kugenda nabo; era tugenda n'amagana gaffe n'ebisibo byaffe,
kubanga waliwo embaga gye tujja okukolera MUKAMA."
10 Falaawo n'abagamba nti, "MUKAMA abeere nammwe, obanga mu-
lowooza nga nzija kubaleka mugende, mmwe n'abaana bammwe! Nze
ndaba nga mulina olukwe lwe muteekateeka.
11 Nedda! Abasajja bokka ka bagende basinze* MUKAMA; kubanga ekyo
kye mwagala." Ne bagobebwa awali Falaawo.
12 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo ku
nsi ya Misiri oyite enzige, zijje ku nsi ya Misiri, zirye buli kantu konna
akamera mu nnimiro, n'ebyo byonna omuzira bye gwataliza."
13 Musa n'agolola omuggo gwe ku nsi ya Misiri; MUKAMA Katonda
n'aleeta embuyaga ezaava ebuvanjuba, ne zikunta olunaku olwo lwonna
n'ekiro kyonna. Obudde bwe bwakya embuyaga ne zireeta enzige.
14 Enzige nnyingi nnyo ne zigwa ku nsi yonna ey'e Misiri, ne
zigisaanikira, okuva ku nsalo yaayo ey'oluuyi olumu okutuuka ku y'oluuyi
olulala. Zaali nzige za kabi kanene, nga tewalabikanga ziri ng'ezo, era
tezigenda kulabika.
15 Zaabuutikira ensi yonna, ne wabaawo ekizikiza ku nsi; ne zirya buli
kimera kyonna mu nsi, n'ebibala byonna eby'emiti omuzira bye gwali
gutalizza; era tewaasigalawo kintu kyonna kya kiragala ku miti n'ebimera
mu nnimiro, mu nsi yonna ey'e Misiri.
16 Awo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni bunnambiro, n'abagamba nti,
"Nnyonoonye eri MUKAMA Katonda wammwe ne gye muli.

* **10:11** Mu ddiini y'Abamisiri, abasajja bokka be beetabanga mu kusinza. Noolwekyo mu kiseera kino, Falaawo yali awambye abakyala n'abaana.

17 Mbeegayiridde munsonyiwe olw'okwonoona kwange, omulundi guno
gwokka; era musabe MUKAMA Katonda wammwe anziggyeeko olumbe
luno lwokka olututta."
18 Musa n'ava ewa Falaawo ne yeegayirira MUKAMA.
19 Awo MUKAMA n'aleeta embuyaga ez'amaanyi ennyo nga ziva ebuvan-
juba, ne zisitula enzige ne zizisuula mu Nnyanja Emyufu. Tewaasigala
nzige n'emu wonna wonna mu nsi y'e Misiri.
20 Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, abaana ba
Isirayiri n'atabakkiriza kugenda.

### *Ekizikiza Kikwata mu Bamisiri*

21 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo waggulu
eri eggulu, wabeewo ekizikiza ku nsi ey'e Misiri; ekizikiza ekiyinza
n'okuwulikika."
22 Musa n'agolola omukono gwe eri eggulu; ne wabaawo ekizikiza
ekikwafu mu nsi yonna ey'e Misiri okumala ennaku ssatu.
23 Abantu bonna nga tewali asobola kulaba munne; era tewaali yaseguka
kuva mu kifo kye w'abeera okumala ennaku ssatu. Naye bo abaana ba
Isirayiri ewaabwe ng'obudde bulaba.
24 Awo Falaawo n'atumya Musa, n'amugamba nti, "Mugende musinze
MUKAMA. Abaana bammwe nabo mugende nabo, wabula ente zammwe,
n'embuzi n'endiga ze ziba zisigala."
25 Naye Musa n'addamu nti, "Osaana otuleke tutwale ebisolo
eby'okuwaayo ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Ka-
tonda waffe.
26 Ente zaffe tusaana okugenda nazo; tewali nsolo n'emu eneesigala.
Kubanga kitusaanira okuzitwala nga tugenda okusinza MUKAMA Katonda
waffe; kubanga tujja kumala kutuuka eri, ne tulyoka tumanya kye
tunaakozesa mu kusinza MUKAMA."
27 Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atabaleka
kugenda.
28 Falaawo n'agamba Musa nti, "Nva mu maaso! Era weekuume,
sikulabanga ng'okomyewo w'endi; bwe ndiddayo okukulaba tolirema
kufa."
29 Musa n'addamu nti, "Nga bw'ogambye, nange siriddayo kukulaba."

## 11

### *Okuttibwa kw'Abaana Abamisiri Ababereberye*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ekyaliyo ekibonoobono kimu kye
nzija okuleetera Falaawo n'ensi y'e Misiri. Oluvannyuma lwakyo ajja
kubaleka mugende; ate bw'anaabakkiriza okugenda, ajja kubeegoberako
ddala bwegobi abasindiikirize.
2 Kale, tegeeza abantu, buli musajja asabanga muliraanwa we, ne buli
mukazi asabanga muliraanwa we, ebintu eby'omuwendo ebya ffeeza
n'ebya zaabu."
3 MUKAMA n'aleetera Abamisiri okukwanagana n'abaana ba Isirayiri; ne
Musa n'aweebwa nnyo ekitiibwa mu nsi y'e Misiri. Abakungu ba Falaawo
n'abantu bonna ne bamugulumiza nnyo.
4 Awo Musa n'agamba Falaawo nti, "MUKAMA agambye bw'ati nti, 'Nga
wakati mu ttumbi, nzija kuyita mu Misiri yonna.

5 Ebibereberye mu nsi y'e Misiri bijja kufa, okutandikira ku mubereberye wa Falaawo agenda okumusikira, okutuukira ddala ku mubereberye* w'omuwala omuzaana asa ku lubengo; era n'ebibereberye byonna eby'ebisolo.

6 Wajja kubaawo okukungubaga okunene mu nsi yonna eya Misiri, okutabangawo era nga tewagenda kubaawo kukwenkana.

7 Naye mu baana ba Isirayiri n'embwa teribaayo gw'eboggolera wadde ebisolo byabwe; mulyoke mutegeere nga Mukama Abamisiri n'Abayisirayiri tabayisa bumu.'

8 Era bano abakungu bo bonna balijja gye ndi nga babundabunda, ne banvuunamira nga banneegayirira nti, 'Genda, ggwe n'abantu bo bonna abakugoberera.' Oluvannyuma lw'ebyo nange ndigenda." N'ava awali Falaawo n'obusungu bungi nnyo.

9 Mukama yali agambye Musa nti, "Falaawo tagenda kuwuliriza by'omugamba, bwe ntyo ndyoke nkolere ebyamagero byange bingi mu Misiri."

10 Musa ne Alooni baakolera ebyamagero ebyo byonna awali Falaawo; naye Mukama yakakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atakkiriza baana ba Isirayiri kuva mu nsi ye.

# 12

*Okuyitako*

1 Awo Mukama n'ayogera ne Musa ne Alooni nga bali mu nsi y'e Misiri, n'abagamba nti,

2 "Okuva leero omwezi* guno gwe gunaabanga omubereberye mu myezi gyonna mu mwaka gwammwe.

3 Mutegeeze abantu bonna aba Isirayiri nti ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi guno kigwanidde buli mukulu wa nnyumba, addire omwana gw'endiga ogw'okuliibwa mu maka ge, buli maka omwana gw'endiga gumu.

4 Singa amaka gabaamu abantu batono nnyo abatamalaawo mwana gwa ndiga, amaka ago geegatte n'ag'omuliraano balye omwana gw'endiga ogwo. Muligeraageranya obungi bw'abantu abamalawo omwana gw'endiga nga musinziira ku ndya ya buli omu mu maka omwo.

5 Omwana gw'endiga gusaana gube gwa seddume nga gwa mwaka gumu obukulu, era nga teguliiko kamogo. Guyinza okuba omwana gw'endiga oba ogw'embuzi.

6 Ensolo ezo muzirabiriranga okutuusa ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi guno; ekibiina kyonna eky'abantu ba Isirayiri ne kiryoka kizitta akawungeezi.

7 Baddiranga omusaayi ne bagumansira ku njuyi zombi ne waggulu, ku mwango gw'oluggi lwa buli nnyumba mwe baliriira omwana gw'endiga.

8 Mu kiro ekyo ennyama balyanga njokye ku muliro, era baliirangako n'emigaati egitali mizimbulukuse n'enva ezikaawa.

9 Tewabanga ku nnyama eyo gye mulya nga mbisi obanga efumbwa mu mazzi; wabula mugyokyanga ku muliro: omutwe, amagulu n'eby'omunda byonna.

---

* **11:5** Mu bitundu ebyo, omwana owoobulenzi nga ye mubereberye yali wa muwendo nnyo eri ennyumba gy'avaamu. * **12:2** Ekiseera ekyo kiri wakati w'ekitundu ekisembayo eky'omwezi gwa Maaki n'ekitundu ekisooka eky'omwezi gwa Apuli.

10 Temugiterekangako kutuusa nkeera; bw'ebalemanga eggulolimu,
mugyokyanga bwokya ne mugizikiriza.
11 Mugiryanga bwe muti: Mwesibanga ekimyu, nga mwambadde
n'engatto zammwe†, nga mukutte n'omuggo. Mugiryanga mangu.
Kubanga eyo y'Embaga ey'Okuyitako kwa MUKAMA.
12 "Kubanga mu kiro ekyo ndiyita mu nsi ya Misiri, nditta buli
kibereberye kyonna mu nsi y'e Misiri, abantu era n'ebisolo; era bakatonda
bonna ab'omu Misiri ndibasalira omusango. Nze MUKAMA.
13 Omusaayi ke kaliba akabonero akalaga ennyumba mwe muli; era
bwe ndiraba omusaayi, nga mbayitako; so n'okuzikirira kwe ndireeta ku
Bamisiri mmwe tekulibakwatako.

### *Okukwata Wiiki y'Okuyitako*

14 "Olunaku luno lunaababeereranga lwa kijjukizo, era munaaluku-
umanga ne mulukwata nga lwa mbaga ya MUKAMA mu mirembe
gyammwe gyonna egiriddiriŋŋana. Lino lifuuse tteeka ery'emirembe
gyonna.
15 Munaalyanga emigaati egitali mizimbulukuse‡ okumala ennaku mu-
sanvu; era ku lunaku olusooka, mu nnaku ezo omusanvu, ekizimbu-
lukusa mukiggiranga ddala mu nnyumba zammwe, kubanga alivumbulwa
ng'alidde omugaati ogulimu ekizimbulukusa, okuva ku lunaku olusooka
okutuusa ku lunaku olw'omusanvu, aligobebwa mu Isirayiri.
16 Ku lunaku olusooka wanaabangawo olukuŋŋaana olutukuvu, ne ku
lunaku olw'omusanvu munaabanga n'olukuŋŋaana olutukuvu; ennaku
ezo temuzikolerangako mulimu gwa ngeri yonna, okuggyako okufumba
emmere abantu bonna gye banaalya, kye kyokka kye mujjanga okukola.
17 "Mukwatanga Embaga ey'Emigati Egitali mizimbulukuse, kubanga ku
lunaku luno lwennyini kwe naggyira ebika bya Isirayiri mu nsi y'e Misiri.
Noolwekyo olunaku luno munaalukwatanga n'ab'omu mirembe gyonna
egiriddawo. Ekyo kiragiro eky'emirembe n'emirembe.
18 Mu mwezi ogusooka, munaalyanga omugaati ogutaliimu kiz-
imbulukusa, okuva mu kawungeezi ak'olunaku olw'ekkumi n'ennya
olw'omwezi, okutuusa ku lunaku olw'amakumi abiri mu olumu
olw'omwezi ogwo.
19 Okumala ennaku musanvu mu nnyumba zammwe temulabikangamu
ekizimbulukusa; era alivumbulwa ng'alidde ekintu kyonna omuli ekizim-
bulukusa, agenda kugobwa mu Isirayiri, ne bwaliba omuzaaliranwa oba
omugwira.
20 Temulyanga kintu kyonna omuli ekizimbulukusa; mu nnyumba
zammwe mwe musula yonna, mulyanga emigaati egitali mizimbulukuse."

### *Omwana gw'Endiga ogw'Okuyitako Guttibwa*

21 Awo Musa n'ayita abakulembeze ba Isirayiri bonna, n'abagamba
nti, "Mwerondere abaana b'endiga ng'amaka gammwe bwe gali, mutte
omwana gw'endiga ogw'Okuyitako.
22 Musibe bulungi akaddo k'akakubansiri, mukannyike mu musaayi
gwe mutadde mu bensani, mulyoke mumansire ku mwango gw'oluggi
waggulu, ne ku njuyi zombi ez'omwango. Tewabaawo n'omu afuluma
ennyumba ye okutuusa ng'obudde bukedde.

---

† **12:11** Engatto tezaayambalibwanga waka, era n'enkoba tezaasibwanga. Omuntu bwe yabiteekangako nga kitegeeza nga bw'asuubira okugenda. ‡ **12:15** Okuyitako kyekuva kuyitibwa embaga ey'omugaati ogutali muzimbulukuse.

23 Kubanga MUKAMA ajja kuyita awo ng'agenda okutta Abamisiri; kale
bw'anaalaba omusaayi ku mwango gw'oluggi waggulu ne ku mwango mu
mbiriizi z'oluggi, oluggi olwo MUKAMA ajja kuluyitako, era tajja kukkiriza
oyo azikiriza kuyingira mu nnyumba zammwe n'okubatta.
24 "Kibagwanira okugondera ebiragiro bino ng'etteeka, mmwe ne
batabani bammwe emirembe gyonna.
25 Era bwe muliyingira mu nsi MUKAMA gy'alibawa nga bwe yasuubiza,
temwerabiranga mukolo guno.
26 Abaana bammwe bwe balibabuuza nti, 'Omukolo guno gutegeeza ki?'
27 Mulibaddamu nti, 'Kino kye kiweebwayo eri MUKAMA eky'Okuyitako,
kubanga yayita ku nnyumba z'Abayisirayiri mu Misiri, n'awonya amaka
gaffe, bwe yatta Abamisiri.' " Awo abantu ne bavuunama ne basinza.
28 Abaana ba Isirayiri ne bagenda ne bakola nga MUKAMA bwe yalagira
Musa ne Alooni, bwe batyo bwe baakola.

### *Ebibereberye Bittibwa*

29 Awo ekiro mu ttumbi MUKAMA n'atta ebibereberye byonna mu nsi y'e
Misiri, okuviira ddala ku mubereberye wa Falaawo eyali ow'okumusikira,
okutuuka ku mubereberye w'omusibe ali mu kkomera; era n'ente
embereberye zonna.
30 Falaawo n'azuukuka mu kiro wakati, ye n'abaweereza be bonna,
n'Abamisiri bonna; Misiri yonna n'ejjula okukungubaga, kubanga
tewaaliwo nnyumba n'emu omutaafa muntu.
31 Mu kiro ekyo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni n'abagamba nti,
"Musituke! Mutuviire, nze n'abantu bange, mmwe n'abaana ba Isirayiri.
Mugende musinze MUKAMA nga bwe mwansaba.
32 Mutwale amagana gammwe n'ebisibo byammwe nga bwe mwansaba,
mugende; nange munsabirangayo omukisa!"
33 Awo Abamisiri ne basindiikiriza abaana ba Isirayiri banguwe okubavi-
ira mu nsi yaabwe; kubanga baagamba nti, "Ffenna tufa tuggwaawo!"
34 Abaana ba Isirayiri ne baddira obuwunga bwabwe obw'emigaati obu-
gotte, obutaliimu kizimbulukusa, ne babussa mu bbakuli omufumbirwa
emigaati, ne babuzinga mu ngoye zaabwe, ne babutwalira ku bibegabega
byabwe.
35 Baakola nga Musa bwe yabalagira, ne basaba Abamisiri
eby'omuwendo ebya ffeeza n'ebya zaabu, awamu n'ebyambalo.
36 MUKAMA yali aleetedde abaana ba Isirayiri okuganja mu Bamisiri,
bwe batyo ne baweebwa buli kye baasabanga. Ne baleka nga bakalizza
Abamisiri.

### *Abayisirayiri Basitula Okuva mu Misiri*

37 Awo abaana ba Isirayiri ne batambula okuva e Lameseesi ne batuuka
e Sukkosi. Baali abantu ng'emitwalo nkaaga, ng'abakazi n'abaana
tebabaliddwa.
38 Waaliwo n'abantu abalala bangi abaagenda nabo. Baatwala amagana
g'ente mangi, n'ebisibo, bingi nnyo.
39 Ne beefumbira emigaati mu buwunga obugotte bwe baggya mu Misiri,
naye tegyalimu kizimbulukusa, kubanga baasindiikirizibwa busindiikiriz-
ibwa okuva mu Misiri, ne bataba na budde bwa kwefumbira mmere.
40 Emyaka abaana ba Isirayiri gye baamala mu Misiri gyawera ebikumi
bina mu amakumi asatu.
41 Ku lunaku olwasembayo olwaweza emyaka ebikumi ebina mu asatu,
eggye lya MUKAMA eryo lyonna kwe lyasitulira ne liva mu nsi y'e Misiri.

42 MUKAMA yali bulindaala ekiro ky'olunaku olwo, n'aggya abaana ba
Isirayiri mu nsi y'e Misiri; noolwekyo abaana ba Isirayiri banajjukiranga
MUKAMA ekiro ky'olunaku olwo emirembe gyabwe gyonna.

### *Ebiragiro by'Embaga ey'Okuyitako*

43 Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, "Bino by'ebiragiro
by'Okuyitako:
"Omunaggwanga takkirizibwa kugiryako.
44 Omuddu aguliddwa n'ensimbi akkirizibwa okugiryako singa amala
okukomolebwa;
45 naye omugenyi omugwira, n'omupakasi akola awaka, tebakkirizibwa
kugiryako.
46 "Buli ndiga eneerirwanga mu nnyumba emu; ennyama eyo teku-
ubengako efulumizibwa bweru wa nju eyo. Temumenyanga ku magumba
gaayo n'erimu.
47 Abantu bonna aba Isirayiri banaakolanga omukolo guno.
48 "Omunaggwanga abeera mu mmwe bw'abanga ayagala okukolera
MUKAMA Katonda omukolo gw'Okuyitako, asaana asooke okukomola
abantu be aboobulenzi bonna abali mu maka ge, alyoke asembere gye muli
yeegatte mu mukolo ogwo; kubanga olwo anaabanga ng'omuzaaliranwa
mu nsi omwo. Naye atali mukomole taagiryengako.
49 Etteeka lye limu lye linaakwatibwanga omuzaaliranwa
n'Omunnaggwanga abeera mu mmwe."
50 Bwe batyo abaana ba Isirayiri bonna ne bakola nga MUKAMA Katonda
bwe yalagira Musa ne Alooni; bwe batyo bonna bwe baakola.
51 Awo ku lunaku olwo lwennyini MUKAMA Katonda n'aggya abaana ba
Isirayiri mu nsi ey'e Misiri nga bagendera mu bibinja byabwe.

## 13

### *Okutukuza Ebibereberye*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Ebibereberye byonna binjawulireko. Abaana abaggulanda mu Isir-
ayiri yonna banaabanga bange; n'ebisolo ebiggulanda nabyo binaabanga
byange."

### *Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse*

3 Awo Musa n'agamba abantu nti, "Mujjukiranga olunaku luno, olunaku
lwe mwaviirako mu Misiri, ensi gye mwafugibwanga ng'abaddu, kubanga
MUKAMA yabaggyayo n'omukono gwe ogw'amaanyi. Temuliirangako
mugaati gulimu kizimbulukusa.
4 Ku lunaku lwa leero olw'omwezi guno Abibu, lwe musitudde okuva
mu Misiri.
5 MUKAMA bw'alimala okubatuusa mu nsi y'Abakanani, n'Abakiiti,
n'Abamoli; n'ey'Abakiivi, n'Abayebusi, ensi gye yalayirira bajjajjammwe
okugibawa, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, mukwatanga
omukolo guno mu mwezi guno.
6 Mumalanga ennaku musanvu nga mulya emigaati egitaliimu kizim-
bulukusa, ne ku lunaku olw'omusanvu kwe munaakoleranga embaga ya
MUKAMA.
7 Munaalyanga emigaati egitali mizimbulukuse okumala ennaku mu-
sanvu; tewabangawo alabika n'omugaati omuzimbulukuse, wadde ekiz-
imbulukusa okusangibwa nammwe mu nsi yammwe.

8 Ku lunaku olwo mulitegeeza abaana bammwe nti, ‘Tukola tuti nga
tujjukira ebyo MUKAMA bye yatukolera nga tuva mu Misiri.’
9 Omukolo guno gunaababeereranga ng’akabonero ku mikono
gyammwe, oba mu byenyi wakati w’amaaso gammwe, okubajjukizanga
etteeka lya MUKAMA eritaavenga ku mimwa gyammwe. Kubanga MUKAMA
yabaggya mu Misiri n’omukono gwe ogw’amaanyi.
10 Noolwekyo onookolanga ekiragiro kino bye kigamba, mu kiseera
kyakyo buli mwaka, buli mwaka.

### *Ebibereberye*

11 “MUKAMA ng’amaze okubatuusa mu nsi y’Abakanani, nga bwe
yabalayirira mmwe ne bajjajja bammwe, era agenda kugibawa,
12 MUKAMA mumwawulirangako ebiggulanda byonna. Zisseddume
zonna embereberye ez’amagana gammwe zinaabanga za MUKAMA.
13 Buli kalogoyi* akabereberye mukawaanyisangamu omwana
gw’endiga ne mukanunulayo, naye bwe mutaakanunulenga
mukamenyanga ensingo ne kafa. Ne buli mutabani wammwe
omubereberye mumununulanga.
14 “Awo olulituuka batabani bammwe, bwe bababuuzanga nti, ‘Kino kye
mukola kitegeeza ki?’ Mubaddangamu nti, ‘Kubanga MUKAMA yatuggya
mu Misiri, ensi ey’obuddu, n’omukono gwe ogw’amaanyi.
15 Naye Falaawo bwe yali ng’akakanyadde ng’atugaanye okuvaayo,
MUKAMA n’atta ebibereberye byonna mu nsi y’e Misiri; ababereberye
b’abantu n’ebibereberye by’ebisolo. Noolwekyo kyetuva tuwaayo ssad-
daaka eri MUKAMA ey’ebiggulanda byonna ebisajja; naye batabani baffe
abaggulanda tubanunulayo.’
16 Omukolo ogwo gunaababeereranga ng’akabonero akookebbwa ku
mikono gyammwe, oba mu byenyi wakati w’amaaso gammwe; kubanga
MUKAMA yabaggya mu Misiri n’omukono gwe ogw’amaanyi.”

### *Empagi ey’Ekire n’Empagi ey’Omuliro*

17 Awo abantu, bwe baasitula nga Falaawo amaze okubaleka, Katonda
teyabayisa mu kkubo eriyita mu nsi y’Abafirisuuti, newaakubadde lye lyali
ery’okumpi.† Kubanga Katonda yagamba nti, “Singa bagwa mu lutalo,
bayinza okwejjusa ne bawetamu ne baddayo e Misiri.”
18 Bw’atyo Katonda n’abeekooloobya ng’abayisa mu kkubo ery’omu
ddungu eriggukira ku Nnyanja Emyufu. Abaana ba Isirayiri baava mu
nsi y’e Misiri nga bakutte ebyokulwanyisa byabwe nga beetegekedde
okulwana.
19 Awo Musa n’avaayo n’amagumba ga Yusufu, kubanga Yusufu yali
alayizza abaana ba Isirayiri. Yabagamba nti, “Ddala, ddala MUKAMA
agenda kubadduukirira. Kale, amagumba gange mugendanga nago nga
muva wano.”
20 Bwe baava e Sukkosi ne bakuba eweema zaabwe mu Yesamu eddungu
we litandikira.
21 Emisana MUKAMA yabakulemberanga ng’ali mu mpagi ey’ekire
okubalaga ekkubo, n’ekiro ng’ali mu mpagi ey’omuliro okubamulisiza,
balyoke batambulenga emisana n’ekiro.

---

* **13:13** Endogoyi zaali nsolo ezitali nnongoofu (Kbl 18:15) nga teziyinza kuweebwayo nga ssaddaaka. Kyokka omuntu yayinzanga okuziwanyisaamu omwana gw’endiga, era ekyo kiraga omuwendo gw’endogoyi mu byenfuna † **13:17** Ekkubo Abayisirayiri lye baakwata okuva mu Misiri, lyaliko ebigo ebbali n’ebbali, Abamisiri mwe baalabirizanga abaaliyitangamu

22 Empagi ey'ekire ey'emisana, n'empagi ey'omuliro ey'ekiro tezaggibwawo mu maaso g'abantu obudde bwonna.

# 14

1 Awo MUKAMA n'alagira Musa nti,
2 "Tegeeza abaana ba Isirayiri bawetemu nga boolekera Pikakirosi,
bakube eweema zaabwe okumpi ne Pikakirosi, wakati wa Migudooli
n'ennyanja. Musiisire ku lubalama lw'ennyanja nga mwolekedde Baali
Zefoni.
3 Falaawo abaana ba Isirayiri ajja kuboogerako nti, 'Babulubuutira mu
nsi yaffe, n'eddungu libazingizza.'
4 Nzija kukakanyaza omutima gwa Falaawo, alyoke abawondere. Naye
ndyefunira ekitiibwa okuva ku bye ndikola Falaawo n'eggye lye lyonna;
n'Abamisiri balitegeera nga nze MUKAMA." Abaana ba Isirayiri ne bakola
bwe batyo.

## *Falaawo Awondera Isirayiri*

5 Kabaka w'e Misiri bwe yategeera ng'Abayisirayiri baddukidde ddala,
Falaawo n'abakungu be ne bejjusa, ne bagamba nti, "Kiki kino kye tukoze,
okuleka Abayisirayiri ababadde batukolera ne bagenda?"
6 Bw'atyo n'ateekateeka eggaali lye erisikibwa embalaasi, n'eggye
ly'anaagenda nalyo.
7 Yatwala amagaali lukaaga agasingira ddala obulungi, n'agattako
n'amagaali amalala gonna agaali mu Misiri, n'abalwanyi abaduumizi nga
be bagavuga.
8 MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo Kabaka w'e Misiri,
n'agoberera abaana ba Isirayiri. Abaana ba Isirayiri ne bakwata olugendo
lwabwe nga tebaliiko gwe batya.
9 Abamisiri ne babawondera: embalaasi zonna, n'amagaali gonna aga
Falaawo agasikibwa embalaasi, n'abeebagadde embalaasi, n'eggye lye, ne
babasanga nga basiisidde ku lubalama lw'ennyanja okumpi ne Pikakirosi,
nga boolekedde Baali Zefoni.
10 Falaawo bwe yasembera, abaana ba Isirayiri ne balengera Abamisiri
nga babagoberera, ne batya nnyo. Abaana ba Isirayiri ne balaajaanira
MUKAMA.
11 Ne bagamba Musa nti, "Mu Misiri entaana tezaaliyo, kyewava otuleeta
tufiire wano mu ddungu? Lwaki watuggya mu Misiri n'ojja otuyisa bw'oti?
12 Bwe twali mu Misiri tetwakugamba nti, 'Tuveeko, tuleke tukolere Abamisiri?' Kubanga okukolera Abamisiri kyandibadde waddeko
okusinga okufiira mu ddungu."
13 Musa n'addamu abantu nti, "Temutya, munywere, mujja kulaba
obulokozi MUKAMA bw'anaabaleetera olwa leero. Kubanga Abamisiri abo
be mulaba kaakano, temuliddayo nate kubalaba emirembe gyonna.
14 MUKAMA ajja kubalwanirira. Mmwe musirike busirisi."
15 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Lwaki okaabirira nze? Lagira abaana
ba Isirayiri bakwate olugendo lwabwe.
16 Wanika omuggo gwo, ogolole n'omukono gwo ku nnyanja, amazzi
ogaawulemu, abaana ba Isirayiri bayite wakati mu nnyanja kyokka nga
batambulira ku ttaka kkalu.
17 Nange nzija kukakanyaza emitima gy'Abamisiri, bayingirire ennyanja nga babagoberera. Ndyoke nefunire ekitiibwa okusinziira ku

bye nnaakola Falaawo, n'amaggye ge, n'amagaali ge, n'abeebagadde embalaasi.
18 Abamisiri nabo banaategeera nga nze MUKAMA, nga nefunidde ekitiibwa: okusinziira ku bye nnaakola Falaawo n'amagaali ge, n'abasajja be abeebagadde embalaasi."
19 Awo malayika wa Katonda eyali akulembera abaana ba Isirayiri n'akyuka n'abadda emabega; n'empagi ey'ekire ne yejjulula okuva mu maaso gaabwe, n'eyimirira emabega waabwe:
20 Bw'etyo n'ebeera wakati w'abaana ba Isirayiri n'eggye ly'Abamisiri. Ekiro, ekire ne kireeta ekizikiza ku ludda lw'Abamisiri, naye ne kireeta omuliro okumulisa oludda lw'Abayisirayiri; ekiro kyonna ne wataba ggye lisemberera linnaalyo.

### *Okuyita mu Nnyanja Emyufu*

21 Awo Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; MUKAMA n'asindika ku nnyanja embuyaga ez'amaanyi ezaava ebuvanjuba, ne zigobawo amazzi ekiro kyonna, ne lufuuka lukalu, ng'amazzi gayawuddwamu.
22 Abaana ba Isirayiri ne bayita wakati mu nnyanja nga batambulira ku ttaka ekkalu, ng'amazzi gakoze ekisenge ku ludda lwabwe olwa ddyo n'olwa kkono.
23 Abamisiri ne babawondera ne bayingira wakati mu nnyanja n'amagaali ga Falaawo gonna, n'embalaasi ze, n'abasajja be abeebagadde embalaasi.
24 Awo mu makya ennyo nga tebunnalaba, MUKAMA n'atunuulira eggye ly'Abamisiri ng'ali mu mpagi ey'ekire n'omuliro, n'atandika okulibonyaabonya.
25 Amagaali gaabwe yagamaamulako zinnamuziga, ne gabakaluubirira okuvuga. Abamisiri n'okugamba ne bagamba nti, "Leka Abayisirayiri tubadduke! Kubanga MUKAMA alwanyisa Misiri ng'abalwanirira."
26 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo ku nnyanja, amazzi gakomewo gaggweere ku Bamisiri, ne ku magaali gaabwe, ne ku basajja baabwe abeebagadde embalaasi."
27 Bw'atyo Musa n'agololera ennyanja omukono gwe, obudde bwe bwakya n'ekomawo n'amaanyi, Abamisiri ne bagidduka nga balaba ejja; MUKAMA, Abamisiri n'abasaanyaawo wakati mu nnyanja.
28 Amazzi ne gakomawo ne gasaanikira amagaali n'abeebagadde embalaasi, n'eggye lya Falaawo lyonna eryali ligoberedde Abayisirayiri mu nnyanja. Tewaali n'omu ku bo eyawona.
29 Naye abaana ba Isirayiri bo nga batambulira ku ttaka kkalu wakati mu nnyanja, amazzi nga gakoze ekisenge ku ludda lwabwe olwa ddyo ne ku lwa kkono.
30 Bwe kityo ku lunaku olwo Abayisirayiri MUKAMA n'abawonya Abamisiri. Abayisirayiri ne balaba Abamisiri ku lubalama lw'ennyanja nga bafudde.
31 Abayisirayiri ne balaba obuyinza obunene ennyo MUKAMA bwe yalaga ng'akola ku Bamisiri: abantu ne batya MUKAMA, ne bakkiriza MUKAMA n'omuweereza we Musa.

# 15

### *Oluyimba lwa Musa*

1 Awo Musa n'abaana ba Isirayiri ne bayimbira MUKAMA oluyimba luno nga bagamba nti,
"Nnaayimbiranga MUKAMA,

kubanga awangudde n’ekitiibwa kingi.
Asudde mu nnyanja
embalaasi n’omwebagazi waayo.
2 MUKAMA ge maanyi gange era lwe luyimba lwange,
era afuuse obulokozi bwange.
Ye Katonda wange, nange nnaamutenderezanga,
ye Katonda wa kitange, nange nnaamugulumizanga.
3 MUKAMA mulwanyi;
MUKAMA, ly’erinnya lye.
4 Amagaali ga Falaawo n’eggye lye
abisudde mu nnyanja;
n’abaduumizi b’amaggye ge abalondemu
basaanyeewo mu Nnyanja Emyufu.
5 Obuziba bubasaanikidde;
basse okutuuka ku ntobo ng’ejjinja.

6 “Omukono gwo ogwa ddyo, Ayi MUKAMA,
gwalina amaanyi n’ekitiibwa;
omukono gwo ogwa ddyo, Ayi MUKAMA,
gwasesebbula omulabe.
7 Mu bukulu obw’ekitiibwa kyo,
wamegga abalabe bo,
wabalaga obusungu bwo,
ne bubasiriiza ng’ebisasiro.
8 Omukka bwe gwava mu nnyindo zo,
amazzi ne geetuuma;
amazzi g’ebuziba ne geekwata ng’ekisenge wakati mu nnyanja.

9 “Omulabe n’ayogera nti,
‘Ka mbagobe, mbakwate.
Nnaagabana omunyago;
mbeemalireko eggoga.
Nnaasowolayo ekitala kyange,
ndyoke mbazikirize.’
10 Naye wakunsa embuyaga zo,
ennyanja n’ebasaanikira.
Bakka ng’ekyuma,
ne basaanawo mu mazzi amangi ag’amaanyi.
11 Ani akufaanana, Ayi MUKAMA,
mu bakatonda bonna?
Ani akufaanana, ggwe,
Omutukuvu Oweekitiibwa,
atiibwa era atenderezebwa,
akola ebyamagero?

12 “Wagolola omukono gwo ogwa ddyo,
ensi n’ebamira.
13 Mu kwagala kwo okutaggwaawo,
abantu be wanunula olibakulembera.
Mu maanyi go,
olibatuusa mu kifo kyo ekitukuvu.
14 Amawanga galikiwulira ne gakankana,

ababeera mu Bufirisuuti balijjula ennaku.
15 Abakungu b'omu Edomu balitangaalirira nga batidde;
abakulembeze ab'amaanyi aba Mowaabu balikankana;
abatuuze b'omu Kanani baliggwaamu endasi.
16 Okwesisiwala n'entiisa biribajjira.
Olw'omukono gwo ogw'amaanyi tebalinyega,
balisirika ng'ejjinja okutuusa abantu bo lwe baliyitawo, Ayi MUKAMA,
okutuusa abantu bo, be wanunula,
lwe baliyitawo.
17 Olibayingiza n'obassa ku lusozi lwo lwe weerondera,
kye kifo, Ayi MUKAMA kye weekolera mw'onoobeeranga,
ekifo kyo Ekitukuvu,
kye weekolera, Ayi MUKAMA, n'emikono gyo.
18 MUKAMA anaafuganga
emirembe n'emirembe."

### *Oluyimba lwa Miryamu*

19 Embalaasi za Falaawo, n'amagaali ge, ne basajja be abeebagadde
embalaasi bwe baayingira mu nnyanja, MUKAMA n'akomyawo amazzi
ag'ennyanja ne gabasaanikira; naye nga bo abaana ba Isirayiri batam-
bulira ku ttaka kkalu wakati mu nnyanja.
20 Awo Miryamu, nnabbi omukazi era mwannyina wa Alooni, n'akwata
ekitaasa; n'abakazi abalala ne bamugoberera nga balina ebitaasa era nga
bwe bazina.
21 Miryamu n'abayimbira bw'ati nti,
"Muyimbire MUKAMA,
kubanga awangudde n'ekitiibwa kingi.
Asudde mu nnyanja
embalaasi n'agyebagadde."

### *Amazzi g'e Mala n'aga Erimu*

22 Awo Musa n'akulembera Isirayiri, n'abaggya ku Nnyanja Emyufu, ne
bayingirira eddungu ly'e Ssuuli. Ne batambulira ennaku ssatu mu ddungu
nga tebalabye ku mazzi.
23 Bwe baatuuka e Mala, ne batasobola kunywa ku mazzi gaawo,
kubanga gaali gakaawa: era eyo y'ensonga eyatuumisa ekifo ekyo Mala.
24 Abantu ne beemulugunyiza Musa, ne bamubuuza nti, "Tunywe ki?"
25 Musa ne yeegayirira MUKAMA; MUKAMA n'amulaga ekitundu ky'omuti.
Bwe yakisuula mu mazzi, amazzi ne gaba malungi okunywa.

Mu kifo kino MUKAMA we yabaweera ekiragiro kino n'etteeka, era n'abagezesa
26 ng'agamba nti, "Singa muwuliriza eddoboozi lya MUKAMA Katonda
wammwe n'obwegendereza, ne mukola ebyo by'alaba nga bituufu, ne
mussaayo omwoyo ku biragiro bye, era ne mugondera amateeka ge,
sigenda kubaleetako ndwadde n'emu, ng'ezo ze naleetera Abamisiri,
kubanga nze MUKAMA, nze mbawonya endwadde zammwe."
27 Awo ne batuuka mu Erimu, awaali ensulo ekkumi n'ebbiri, n'enkindu
ensanvu; ne bakuba awo eweema zaabwe okumpi n'amazzi.

## 16

### *Maanu n'Obukwale*

1 Awo abaana ba Isirayiri, nga kibiina kinene, ne basitula okuva mu Erimu; ne batuuka mu ddungu lya Sini, eriri wakati wa Erimu ne Sinaayi, nga baakamala emyezi ebiri n'ennaku kkumi na ttaano kasookedde bava mu nsi y'e Misiri.
2 Nga bali mu ddungu eryo, ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne kyemulugunyiza Musa ne Alooni.
3 Abaana ba Isirayiri ne babagamba nti, “Singa twasigala mu nsi y'e Misiri, MUKAMA n'atuttira eyo n'omukono gwe! Kubanga eyo twalyanga sefuliya z'ennyama, n'emmere nnyingi nga bwe twayagalanga, ne tukkuta; naye kaakano mutuleese mu ddungu lino, ekibiina kino kyonna kife enjala.”
4 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, “Nzija kubatonnyeseza emmere ng'eva mu ggulu. Abantu banaakuŋŋaanyanga buli lunaku ekitundu eky'olunaku olwo; ndyoke mbagezese ndabe obanga banaakwatanga amateeka gange, oba tebaagakwatenga.
5 Ku lunaku olw'omukaaga bwe banaabanga bakuŋŋaanya emmere ey'olunaku olwo, bakuŋŋaanyanga eyenkanaankana n'ey'ennaku bbiri.”
6 Awo Musa ne Alooni ne bagamba abaana ba Isirayiri bonna nti, “Obudde nga buwungeera, we munaategeerera nga MUKAMA ye yabaggya mu nsi y'e Misiri:
7 ate enkya lwe munaalaba ekitiibwa kya MUKAMA, kubanga awulidde nga mumwemulugunyiza. Kubanga naffe ffe b'ani mmwe okutwemulugunyiza?”
8 Musa n'ayongera okubagamba nti, “Mujja kwongera okutegeera MUKAMA, olweggulo nga buwungeera bw'anaabawa ennyama ne mulya, ate enkya n'abawa emmere ebamala: kubanga MUKAMA awulidde nga mumwemulugunyiza. Naffe ffe b'ani? Temwemulugunyiza ffe, wabula MUKAMA.”
9 Awo Musa n'agamba Alooni nti, “Tegeeza ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri nti, ‘Musembere awali MUKAMA, kubanga awulidde okwemulungunya kwammwe!’ ”
10 Awo olwatuuka, Alooni bwe yali ng'akyategeeza ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri, ne batunula mu ddungu; era, laba, ekitiibwa kya MUKAMA ne kirabikira mu kire.
11 MUKAMA n'ayogera ne Musa, ng'agamba nti,
12 “Mpulidde okwemulugunya kw'abaana ba Isirayiri. Bagambe nti, ‘Obudde nga buwungeera munaalya ennyama, n'enkya munakkusibwa emmere. Bwe mutyo munaategeera nga nze MUKAMA Katonda wammwe.’ ”
13 Obudde nga buwungeera enkwale ne zijja ne zijjula olusiisira; ne mu makya ne wabaawo omusulo ku ttaka mu lusiisira.
14 Omusulo nga gwamuse ng'obudde bukaze, laba, ku ttaka ne kulabikako obuntu obutono obwekulungirivu obufaanana ng'omusulo ogukutte olw'obunnyogovu obungi.
15 Abaana ba Isirayiri bwe baabulaba ne beebuzaganya nti, “Kiki kino?” Kubanga baali tebakimanyi. Musa n'abategeeza nti, “Eno ye mmere MUKAMA gy'abawadde okulya.
16 MUKAMA alagidde bw'ati nti, ‘Buli muntu akuŋŋaanye gy'anaamalawo. Buli muntu ali mu weema zammwe mumukuŋŋaanyize kilo bbiri.’ ”
17 Abaana ba Isirayiri ne bakola nga bwe baalagirwa; abamu ne bakuŋŋaanya nnyingi, n'abalala ntono.

18 Bwe baagipimiranga mu kabakuli aka oma, ze lita ebbiri, oyo eyali
akuŋŋaanyizza ennyingi teyasukkirizanga, n'oyo ow'entono nga tey-
eeseera. Buli muntu yakuŋŋaanyanga ng'okwetaaga kwe bwe kwabanga.
19 Musa n'abagamba nti, "Tewabaawo omuntu n'omu agifissaako
okutuusa enkeera."
20 Kyokka abamu Musa tebaamufaako; ne beeterekerako okutuusa
enkeera; n'ezaala envunyu, era n'ewunya. Musa n'abasunguwalira.
21 Buli nkya ne bakuŋŋaanyanga buli omu gye yayinzanga okulya
nga anaagimalawo; naye akasana bwe kaayakanga nga kakazizza,
n'esaanuuka.

### *Emmere y'oku Ssabbiiti*

22 Awo ku lunaku olw'omukaaga ne bakuŋŋaanya emmere ya mirundi
ebiri, ze kilo nnya buli muntu; abakulembeze bonna mu kibiina ne bajja
ne bategeeza Musa.
23 N'abagamba nti, "MUKAMA yalagidde bw'ati nti, 'Enkya lunaaba lu-
naku lwa kuwummula, ye Ssabbiiti ya MUKAMA Entukuvu. Leero mwokye
emmere yammwe gye mwetaaga okwokya, era mufumbe gye mwagala
okufumba; eneeba esigaddewo mugyeterekere okutuusa enkya.' "
24 Bwe batyo ne bagyeterekera okutuusa enkeera, nga Musa bwe
yabalagira; n'etewunya wadde okuzaala envunyu.
25 Musa n'abagamba nti, "Eyo mugirye leero, kubanga leero ye Ssabbiiti
ya MUKAMA, ku ttaka temujja kusangako mmere.
26 Mu nnaku omukaaga mujjanga kugikuŋŋaanya, naye ku lunaku
olw'omusanvu, olwa Ssabbiiti, emmere teebeerengawo."
27 Naye era abamu ku bantu baafuluma ku lunaku olw'omusanvu
bagikuŋŋaanye, naye tebaasangayo kantu.
28 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Mulituusa ddi nga mukyajeemera
ebiragiro byange?
29 Mutegeere nga MUKAMA abawadde Ssabbiiti; ku lunaku olw'omukaaga
kyava abawa emmere ya nnaku bbiri. Buli muntu abeerenga mu maka ge
nga tafulumye n'akatono ku lunaku olw'omusanvu."
30 Abantu bwe batyo ne bawummula ku lunaku olw'omusanvu.
31 Ab'omu nnyumba ya Isirayiri, emmere eyo ne bagiyitanga maanu.
Yali efaanana ng'akasigo ka koliyanda, nga njeru; ng'ewoomerera
ng'obusukuuti obufumbiddwa n'omubisi gw'enjuki.
32 Musa n'agamba nti, "MUKAMA alagidde bw'ati nti, 'Muddire akabakuli
aka kilo bbiri mukajjuze maanu mugiterekere ab'emirembe egigenda
okujja; balyoke balabe ku mmere gye nabaliisanga mu ddungu, bwe
nabaggya mu nsi y'e Misiri.' "
33 Musa n'agamba Alooni nti, "Ddira akabakuli osseemu maanu ejjuza
oma, ze lita bbiri, obungi, ogisse awali MUKAMA, eterekerwe ab'emirembe
egigenda okujja."
34 Bw'atyo Alooni n'ateeka maanu awali Endagaano, ekuumirwe awo,
nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
35 Abaana ba Isirayiri ne balya maanu okumala emyaka amakumi ana,
okutuusa lwe baatuuka mu nsi omuli abantu. Baalya maanu* okutuusa
lwe baatuuka ku nsalo ya Kanani.
36 Oma† emu yenkana kimu kya kkumi ekya efa.‡

* **16:35** Baalekeraawo okugabulwa maanu ku lunaku olw'Embaga ey'Okuyitako eyasooka mu nsi y'e Kanani (Yos 5:10-12). † **16:36** oma emu yenkanankana lita bbiri ‡ **16:36** efa emu yenkanankana lita nnya n'ekitundu

# 17

*Amazzi Agaava mu Lwazi*

1 Awo ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne kisitula okuva mu
ddungu lya Sini, ne batambula ng'ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali. Ne
bakuba eweema zaabwe mu Lefidimu, naye nga tewaliiwo mazzi bantu
ge banaanywa.
2 Abantu ne bayombesa Musa nga bagamba nti, "Tuwe amazzi tunywe." Musa n'abaddamu nti, "Lwaki munnyombesa? Lwaki mugezesa
MUKAMA?"
3 Naye abantu ennyonta y'amazzi n'ebaluma, ne beemulugunyiza Musa.
Ne bagamba nti, "Lwaki watuggya mu Misiri, ennyonta okututtira wano,
ffe n'abaana baffe n'ebisibo byaffe?"
4 Musa n'akaabira MUKAMA nti, "Abantu bano mbakole ntya? Baabano
baagala kunkuba mayinja."
5 MUKAMA n'addamu Musa nti, "Abantu abo bakulembere, otwale ne ku
bakulembeze ba Isirayiri; n'omuggo gwo gwe wakubisa ku mugga genda
nagwo ng'ogukutte mu mukono gwo, mutambule.
6 Nange nzija kukwesooka mu maaso nyimirire ku lwazi e Kolebu,
onookuba olwazi ne muvaamu amazzi abantu banywe." Musa n'akola
bw'atyo nga n'abakulembeze ba Isirayiri balaba.
7 Ekifo ekyo n'akituuma erinnya Masa ne Meriba, olw'okuyomba
kw'abaana ba Isirayiri, n'olw'okugezesa MUKAMA nga bagamba nti,
"MUKAMA waali mu ffe oba taliiwo?"

*Olutalo Abayisirayiri lwe Baasooka Okulwana*

8 Awo Abamaleki* ne bajja balwane ne Isirayiri mu Lefidimu.
9 Musa n'agamba Yoswa nti, "Tuyunguliremu abasajja bagende balwanyise Abamaleki. Enkya nzija kuyimirira ku ntikko y'olusozi nga nkutte
omuggo gwa Katonda mu mukono gwange."
10 Yoswa n'akola nga Musa bwe yamulagira, n'alwana n'Abamaleki.
Musa ne Alooni ne Kuli ne bambuka ku ntikko y'olusozi.
11 Musa bwe yawanikanga emikono gye, Abayisirayiri nga bagoba, naye
bwe yagissanga, nga Abamaleki bagoba.
12 Emikono gya Musa ne gitandika okumufuuyirira. Alooni ne Kuli
ne bamuleetera ejjinja, n'atuula okwo; ne bawanirira emikono gye, omu
ng'ali ku ludda olumu, ne munne ku ludda olulala, emikono gye olwo ne
ginywerera waggulu okutuusa enjuba lwe yagwa.
13 Yoswa n'awangula Abamaleki ng'akozesa obwogi bw'ekitala.
14 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Kino kiwandiike mu kitabo kiryoke
kijjukirwenga ennaku zonna, era Yoswa asaana akimanye, kubanga
Abamaleki ŋŋenda kubasangulirawo ddala ku nsi."
15 Musa n'azimbawo ekyoto n'akituuma erinnya MUKAMA ye Bendera
Yange.
16 N'agamba nti, "Kubanga Abamaleki baalwanyisa entebe ya MUKAMA
ey'obwakabaka, MUKAMA alayidde okubalwanyisa emirembe gyonna."

# 18

*Yesero Akyalira Musa*

* **17:8** Abamaleki baali bazzukulu ba mukoddomi wa Esawu, eyawasa muwala wa Esawu, era baanyaganga bunyazi batambuze mu ddungu.

1 Yesero, kabona w'e Midiyaani, era kitaawe wa mukyala wa Musa,
n'awulira byonna Katonda bye yakolera Musa n'abantu be, Abayisirayiri;
era nga MUKAMA yaggya Isirayiri mu Misiri.
2 Ye yalabiriranga Zipola, mukyala wa Musa; kubanga Musa yali
amuzzizza ewaabwe ng'amumulekedde,
3 ne batabani be babiri. Mutabani we omu yamutuuma Gerusomu,
kubanga Musa yagamba nti, "Mbadde mugwira mu nsi etali yange;"
4 n'erinnya ly'omulala lyali Eryeza, kubanga yagamba nti, "Katonda wa
kitange ye yali omubeezi wange, era n'amponya ekitala kya Falaawo."
5 Yesero, mukoddomi wa Musa, n'ajja ne batabani ba Musa ne mukyala
we eri Musa mu ddungu, we yali asiisidde okuliraana olusozi lwa Katonda.
6 Yesero yali amutumidde nti, "Nze Yesero mukoddomi wo, nzija
okukulabako. Ndi ne mukyala wo ne batabani be bombi."
7 Awo Musa n'afuluma n'agenda okwaniriza mukoddomi we;
n'akutamako ng'amulamusa, n'amugwa mu kifuba. Ne balamusaganya,
n'oluvannyuma ne bayingira mu weema.
8 Musa n'anyumiza mukoddomi we ebyo byonna MUKAMA bye yakola
Falaawo n'Abamisiri ng'abalanga Isirayiri; n'ebizibu ebyabatuukako mu
lugendo lwabe, ne MUKAMA nga bwe yabibawonya.
9 Yesero n'asanyuka nnyo okuwulira ebirungi ebyo byonna MUKAMA bye
yakolera Isirayiri, ng'abanunula ku Bamisiri.
10 Yesero n'agamba nti, "MUKAMA atenderezebwe eyabanunula mu
mikono gy'Abamisiri ne mu mukono gwa Falaawo, n'aggya abantu be mu
mikono gy'Abamisiri.
11 Kaakano ntegedde nga MUKAMA mukulu wa kitiibwa okukira baka-
tonda bonna, kubanga yanunula abantu be mu mikono gyabo abaali
babeeragirako."
12 Awo Yesero, mukoddomi wa Musa, n'awaayo eri Katonda ekiweeb-
wayo ekyokye ne ssaddaaka endala; Alooni n'abakulembeze ba Isirayiri
bonna ne balya ne mukoddomi wa Musa emmere mu maaso ga Katonda.

### *Okulonda Abalamuzi*

13 Awo bwe bwakya enkya, Musa n'atuula ku ntebe ye okulamula
abantu. Abantu ne bamwetooloola okuva enkya okutuusa akawungeezi.
14 Mukoddomi we bwe yalaba Musa bye yali akolera abantu,
n'amugamba nti, "Kiki kino ky'okola? Lwaki olamula bw'omu, abantu
bano bonna ne bayimirira okukwetooloola okuva ku nkya okutuusa
akawungeezi?"
15 Musa n'addamu mukoddomi we nti, "Kubanga abantu bajja gye ndi
bategeere Katonda by'ayagala.
16 Buli lwe babeera n'obutakkiriziganya, bajja gye ndi, ne mbasalirawo,
era ne mbategeeza amateeka ga Katonda n'ebiragiro bye."
17 Mukoddomi wa Musa n'amugamba nti, "Ky'okola si kirungi.
18 Ggwe, n'abantu bano bonna abajja gy'oli, mujja kukoowa nnyo.
Kubanga omulimu guno munene nnyo; tosobola kugukola bw'omu.
19 Nkusaba ompulirize nkusalire ku magezi, ne Katonda ng'ali naawe.
Osaana obeere omubaka w'abantu ewa Katonda, era omutuusengako
ensonga zaabwe.
20 Bayigirize amateeka n'ebiragiro, era obalage nga bwe basaana
okweyisanga, awamu n'emirimu gye basaanidde okukola.
21 Londayo abasajja abalina ebisaanyizo, ng'obaggya mu bantu bonna,
abasajja abatya Katonda, ab'amazima era abatalya nguzi; obawe

obukulembeze, ng'abamu bavunaanyizibwa abantu enkumi, n'abalala
abantu ebikumi, n'abamu ebibiina eby'ataano n'abalala eby'ekkumi
kkumi.
22 Bawe obuyinza okulamulanga abantu ebbanga lyonna, naye
ng'emisango emizibu bagikuleetera, emisango emyangu bo bagisalenga.
Ekyo kinaawewulanga ku buzito bw'omugugu gwo, kubanga banaabanga
bagukukwatirako.
23 Singa okola bw'otyo, nga ne Katonda bw'akulagidde, ojja kusobola
okugumira emirimu egyo, era n'abantu bano bonna balyoke baddeyo
ewaabwe nga basanyuse."
24 Musa bw'atyo n'awuliriza amagezi gonna mukoddomi we ge yamuwa,
n'akolera ku ebyo byonna bye yamubuulirira.
25 Musa n'alonda mu Isirayiri yonna abasajja abasobola, n'abafuula
abakulembeze b'abantu; nga bavunaanyizibwa enkumi, n'abalala
ebikumi, n'abamu amakumi ataano ataano, n'abalala kkumi kkumi.
26 Ne balamula abantu ebbanga lyonna. Emisango emizibu nga
bagireetera Musa, naye emyangu nga bagisala.
27 Awo Musa n'asiibula mukoddomi we, mukoddomi we n'akwata
ekkubo ne yeddirayo mu nsi y'ewaabwe.

# 19

*Eddungu lya Sinaayi*

1 Mu mwezi ogwokusatu abaana ba Isirayiri nga bavudde mu Misiri, ne
batuuka mu Ddungu lya Sinaayi.
2 Kubanga baali basitudde okuva mu Lefidimu ne bayingira Eddungu
lya Sinaayi. Abayisirayiri ne basimba eweema zaabwe mu ddungu omwo
mu maaso g'olusozi Sinaayi.
3 Awo Musa n'ayambuka eri Katonda; Mukama n'amuyita ng'asinziira
ku lusozi ng'agamba nti, "Bino by'onoogamba ennyumba ya Yakobo,
by'onootegeeza abaana ba Isirayiri nti,
4 'Mwalaba bye nakola Abamisiri, mmwe ne mbasitulira ku bi-
waawaatiro by'empungu* n'embeereetera gye ndi.
5 Kale, singa mugondera eddoboozi lyange awatali kwerekeramu, ne
mukuuma endagaano yange, mulibeera eggwanga lyange ery'enjawulo
egganzi mu mawanga gonna, kubanga ensi yonna yange.
6 Munaabeeranga obwakabaka bwange obwa bakabona, era eggwanga
ettukuvu.' Ebyo bye bigambo by'ojja okutegeeza abaana ba Isirayiri."
7 Awo Musa n'akomawo, n'ayita abakulembeze b'abantu n'abategeeza
ebigambo ebyo byonna Mukama bye yamulagira.
8 Abantu bonna ne baddiramu wamu nti, "Ebyo byonna Mukama
by'agambye, tujja kubikola." Musa n'ategeeza Mukama ng'abantu bwe
baayogera.
9 Mukama n'agamba Musa nti, "Nzija kujja gy'oli mu kire ekikutte,
abantu bawulire nga njogera naawe, bakukkirizenga era bakwesigenga
ennaku zonna." Musa n'ategeeza Mukama abantu bye baayogera.

*Okutukuza Abantu*

10 Mukama n'agamba Musa nti, "Genda eri abantu, obatukuze leero
n'enkya. Bagambe booze engoye zaabwe,

* **19:4** empungu Empungu enseera esutulira abaana baayo ku biwaawaatiro byayo ng'ebuuka (Ma 32:11).

11 ku lunaku olwokusatu babeere beetegefu, kubanga ku lunaku olwo
MUKAMA alikka ku lusozi Sinaayi ng'Abayisirayiri bonna balaba.
12 Abayisirayiri bakugire n'olukomera okwetooloola olusozi, obagambe
nti, 'Mwekuume muleme okwambuka ku lusozi oba okulukwatako we
lutandikira. Anaalukwatako ajja kuttibwa.
13 Tajja kukwatibwako, wabula ajja kukubirwa ddala amayinja oba
kufumitibwa. Omuntu tajja kulama, n'ebisolo tewaabeewo kirama.'
Akagombe bwe kanaamala okuvugira akabanga, olwo abantu ne balyoka
bajja awali olusozi.†"
14 Awo Musa n'ava ku lusozi n'aserengeta eri abantu, n'abatukuza ne
bayoza engoye zaabwe.
15 N'abagamba nti, "Mwetegekere olunaku olwokusatu, ne bakyala
bammwe temubasemberera."

*Musa Asisinkana Katonda ku Lusozi Sinaayi*

16 Awo ku lunaku olwokusatu ku nkya ne waba okubwatuka
n'okumyansa, n'ekire ekikutte ku lusozi, n'eddoboozi ly'akagombe
ery'omwanguka ennyo; abantu bonna abaali mu lusiisira n'okukankana
ne bakankana.
17 Musa n'aggya abantu mu lusiisira n'abaleeta basisinkane Katonda; ne
bayimirira wansi w'olusozi.
18 Olusozi Sinaayi ne lubikkibwa omukka; kubanga MUKAMA yalukkako
mu muliro. Omukka ne gunyooka nga gwambuka ng'oguva mu kyoto,
n'olusozi lwonna ne lukankana nnyo.
19 Eddoboozi ly'akagombe bwe lyeyongera okuvuga n'omwanguka
ogw'amaanyi, Musa n'ayogera, ne Katonda n'amwanukula n'eddoboozi
ery'okubwatuka.
20 Awo MUKAMA n'akka ku ntikko y'Olusozi Sinaayi. MUKAMA n'ayita
Musa agende ku ntikko y'olusozi; Musa n'alinnya.
21 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Serengeta eri abantu obalabule baleme
kuwaguza okujja okutunula ku MUKAMA, abantu bangi baleme kuzikirira.
22 Ne bakabona, abasemberera MUKAMA, nabo basaana beetukuze,
kubanga MUKAMA ayinza okubasaanyaawo."
23 Musa n'addamu MUKAMA nti, "Abantu tebasobola kwambuka ku
Lusozi Sinaayi, kubanga ggwe wennyini watulagira nti, 'Muteekeewo
akakomera okwetooloola olusozi, lusigale lwokka nga lutukuvu.' "
24 MUKAMA n'alagira Musa nti, "Serengeta oleete Alooni; naye bakabona
n'abantu tobaganya kuwaguza kujja kwambuka eri MUKAMA, kubanga
ayinza okubasaanyaawo."
25 Bw'atyo Musa n'aserengeta mu bantu n'abategeeza.

# 20

*Amateeka Ekkumi*

1 Awo Katonda n'ayogera ebigambo bino, n'agamba nti:

2 "Nze MUKAMA Katonda wo, eyakuggya mu Misiri, mu nsi gye
mwafuulibwa abaddu.

3 "Tobeeranga na bakatonda balala wabula Nze nzekka.

---

† **19:13** Alooni ne batabani be ababiri, awamu n'abakadde ba Isirayiri ensavu, be baalinnyanga ku lusozi lwa Katonda (24:1, 9-10)

4 Teweekoleranga kintu kyonna ekyole ekifaanana n'ekintu kyonna ekiri waggulu mu ggulu, oba wansi ku nsi, oba ekiri mu mazzi agali wansi w'ensi.

5 Tobivuunamiranga so tobisinzanga. Kubanga, nze MUKAMA Katonda
wo ndi Katonda wa buggya; mbonereza abaana olw'ebibi bya bakitaabwe
n'ebya bajjajjaabwe okutuusa ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna
ogw'abo abankyawa.

6 Naye abo enkumi n'enkumi abanjagala era abakwata amateeka gange,
mbalaga okwagala kwange okutaggwaawo.

7 Tokozesanga linnya lya MUKAMA Katonda wo ng'olayira ebitaliimu nsa; kubanga MUKAMA talirema kumusalira musango ne gumusinga omuntu oyo alayirira obwereere erinnya lye.

8 Olunaku lwa Ssabbiiti lujjukirenga era olutukuzenga.

9 Kolanga emirimu gyo, ofaabiine mu nnaku omukaaga,

10 naye olunaku olw'omusanvu ye Ssabbiiti ya MUKAMA Katonda wo. Ku
lunaku olwo tokolerangako mulimu gwonna; ggwe, wadde mutabani wo,
wadde muwala wo, wadde omuweereza wo omusajja, oba omuweereza
wo omukazi, wadde ensolo zo, wadde omugenyi ali omumwo.

11 Kubanga mu nnaku omukaaga MUKAMA Katonda mwe yakolera
eggulu n'ensi, n'ennyanja, ne byonna ebibirimu, n'awummulira ku lunaku
olw'omusanvu. MUKAMA kyeyava awa omukisa olunaku olwa Ssabbiiti
n'alutukuza.

12 Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, olyoke owangaale mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa.

13 Tottanga.

14 Toyendanga.

15 Tobbanga.

16 Towaayirizanga muntu munno.

17 Teweegombanga nnyumba ya muliraanwa wo. Teweegombanga mukazi wa muliraanwa wo, newaakubadde omuweereza we omusajja, newaakubadde omuweereza we omukazi, wadde ente ye, oba endogoyi ye, oba ekintu kyonna ekya muntu munno."

18 Awo abantu bwe baalaba okumyansa kw'eraddu, ne bawulira
n'okubwatuka kw'eggulu awamu n'eddoboozi ly'akagombe, ne balaba
n'olusozi nga lunyooka ne bakankana nga batidde nnyo. Ne bayimirira
walako,

19 ne bagamba Musa nti, "Ggwe yogera naffe, tujja kubiwuliriza. Naye
Katonda aleme kwogera naffe tuleme okufa."

20 Musa n'agamba abantu nti, "Temutya, kubanga Katonda azze
kubagezesa, mumutyenga bulijjo, mulyoke muleme okwonoona."

### *Ebiragiro ku Byoto*

21 Abantu ne basigala nga bayimiridde walako, naye Musa n'asembera
mu kizikiza ekikwafu Katonda mwe yali.

22 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Bw'oti bw'oba otegeeza abaana ba
Isirayiri nti, 'Mmwe bennyini mwerabiddeko nga njogera nammwe nga
nsinziira mu ggulu.

23 Temwekoleranga bakatonda balala wendi; temwekoleranga baka-
tonda ba ffeeza oba bakatonda ba zaabu.

24 " 'Munkolere ekyoto eky'ettaka, muweereyo okwo ssaddaaka za-
mmwe ezookebwa, n'essaddaaka olw'emirembe, ey'endiga zo n'ente zo.

Mu buli kifo mwe nnaaleeteranga erinnya lyange okuweebwa ekitiibwa, nnajjanga ne mbaweera omwo omukisa.
25 Bwe munzimbiranga ekyoto eky'amayinja, temukizimbisanga mayinja mayooyoote, kubanga ekyuma bwe kirigakoonako kirigafuula agatasaanira kyoto kyange.
26 Ekyoto kyange temukizimbangako madaala, muleme okukiweebuula nga mulinnya amadaala.' "

# 21

### *Amateeka ku Baddu*

1 Amateeka gano gabategeeze nti:

2 "Bw'ogulanga omuddu Omwebbulaniya, akuweererezanga emyaka mukaaga. Mu mwaka ogw'omusanvu omuddizanga eddembe lye n'agenda, era talisasuliranga.
3 Bw'aba nga yajja yekka, era agendanga yekka; naye bw'aba nga yajja ne mukazi we, era agendanga naye.
4 Mukama we bw'abanga amuwadde omukazi, n'amuzaalira abaana aboobulenzi n'aboobuwala; omukazi n'abaana babanga ba mukama wa muddu oyo; omusajja yekka ye yaddizibwanga eddembe lye.
5 Naye omuddu bw'agambanga nti, 'Nze mukama wange mmwagala, ne mukazi wange n'abaana bange bonna mbagala, era seetaaga ddembe,'
6 mukama we amutwalanga eri abalamuzi, amuleetanga ku luggi oba ku mwango gw'oluggi, n'amuwummula okutu n'olukato.* Olwo anaamuweerezanga okutuusa okufa.
7 "Omusajja bw'anaatundanga omwana we owoobuwala ng'omuddu, omuwala oyo taddizibwenga ddembe ng'omuddu omusajja.
8 Bw'ataasanyusenga mukama we eyamugula, anaayinzanga okununulibwa. Kyokka mukama we taabenga na buyinza kumutunda mu bannamawanga, kubanga mukama we yanaabanga amukuusizakuusiza okumala okumuwasa ate n'amwegobako.
9 Singa amugabira mutabani we, olwo anaabanga ng'omu ku bawala be.
10 Singa amuwasizaako omukazi omulala, mukama we taamuggyengako mmere ye oba engoye ze, wadde ebimukwatako byonna eby'obufumbo.
11 Ebintu ebyo ebisatu singa abimumma, omuwala omuddu anaayinzanga okuleka mukama we n'amuvaako awatali kusasulirwa.

### *Amateeka ku Butemu*

12 "Anaakubanga omuntu n'amutta, naye ateekwa buteekwa okuttibwa.
13 Kyokka singa akikola nga tagenderedde, naye Katonda n'akikkiriza okubaawo, anaddukanga ne yeekweka mu kifo kye ndibateekerateekera.
14 Naye singa omuntu anaasalanga olukwe n'alumba munne n'amutta mu bugenderevu, bw'anaabanga ku kyoto kyange, mumusikangako ne mumutwala ne mumutta.
15 "Akubanga kitaawe oba nnyina, ateekwa buteekwa okuttibwa.
16 "Oyo awambanga omuntu n'amutunda oba n'akwatibwa naye nga tannamutunda attibwanga buttibwa.
17 "Anaakolimiranga kitaawe oba nnyina ateekwa kuttibwa.

---

* **21:6** Okuwummula amatu, yali mpisa y'Abasuli n'amawanga agabeetoolodde. Kaali kabonero akakakasa ng'omuddu bw'ali owa mukama we.

### *Amateeka ku Kuyomba n’Okulwana*

18 “Abantu singa bayomba ne balwana, omu n’akuba munne ejjinja oba
ekikonde, n’atafa wabula n’abeera ku kitanda;
19 singa ava ku kitanda, n’atandika n’okutambulako ebweru n’omuggo
gwe, oli eyamukuba taavunaanibwenga; wabula anaasasuliranga ebiseera
by’oyo gwe yakuba, era n’amujjanjaba okutuusa ng’awonedde ddala.
20 “Omuntu bw’anaakubanga omuddu we omusajja oba omuddu we
omukazi n’omuggo, omuddu oyo emiggo ne gimutta, omusajja oyo
anaabonerezebwanga;
21 naye omuddu oyo bw’anaalamanga okumala olunaku oba ennaku
ebbiri, mukama we taabonerezebwenga, kubanga ye nannyini ye.
22 “Singa abantu babadde balwana, ne bakubiramu omukazi ali olubuto,
olubuto ne luvaamu, kyokka n’atabaako mutawaana mulala gwonna, oyo
amukubye anaatanzibwanga omutango bba w’omukazi gw’anaasalanga,
era nga n’abalamuzi bagukkirizza.
23 Naye singa omukazi oyo abaako omutawaana ogw’amaanyi, eki-
bonerezo kineenkanaakananga n’ekyo ky’amukoze. Bw’anattanga anat-
tibwanga,
24 bw’anaaggyangamu eriiso lya munne, n’erirye banaaligyangamu, oba
omuntu bw’anaaggyangamu erinnyo lya munne, n’erirye banaalikuu-
langamu, bw’anaamutemangako omukono, n’ogugwe banaagutemangako,
bw’anaamutemangako ekigere, n’ekikye banaakitemangako,
25 bw’anaamwokyanga, naye anaayokebwanga, bw’anaamussangako
ekiwundu, naye anaassibwangako ekiwundu, bw’anaamunuubulanga,
naye anaanuubulwanga.
26 “Omuntu bw’akubanga omuddu we omusajja oba omuddu we
omukazi, n’amuggyamu eriiso, anaamuddizanga eddembe lye n’amuleka
n’agenda, nga kwe kumuliyira olw’eriiso eryo.
27 Singa akuba omuddu we omusajja oba omuddu we omukazi,
n’amukuulamu erinnyo, anaamuddizanga eddembe lye, nga kwe ku-
muliyira olw’erinnyo eryo.

### *Amateeka ku Nsolo Ezirundibwa*

28 “Singa ente ya seddume etomera omusajja oba omukazi n’emutta,
seddume eyo eteekwa okukubwanga amayinja n’efa, n’ennyama yaayo
teriibwanga. Kyokka nannyini yo taabengako musango.
29 Naye seddume eyo singa emanyiddwa nga bulijjo ntomezi, era nga
ne nannyini yo yalabulwako dda, kyokka n’atagisibira mu lugo lwayo,
n’etta omusajja oba omukazi, eneekubwanga amayinja n’efa, ne nannyini
yo anattibwanga.
30 Naye singa asalirwa engassi, aneenunulanga n’awona okufa
ng’asasuddeyo kyonna ekinaabanga kimusaliddwa.
31 Seddume bw’eneetomeranga mutabani w’omuntu oba muwala we,
etteeka lye limu eryo lye linaakozesebwanga.
32 Seddume bw’etomeranga omuddu omusajja oba omuddu omukazi,
nannyini yo ateekwa okusasula mukama w’omuddu oyo, ebitundu bya
ffeeza amakumi asatu,[†] ne seddume ekubwenga amayinja efe.
33 “Omuntu bw’anaabikkulanga ekinnya n’akireka nga kyasamye, oba
bw’anaasimanga ekinnya n’atakisaanikirako, seddume n’ekigwamu oba
endogoyi,

---

† **21:32** ebitundu bya ffeeza amakumi asatu Omuddu omunnaggwanga yali yenkanankana
ebitundu bya ffeeza amakumi asatu.

34 nannyini kinnya anaasasuliranga okufiirwa okwo; anaasasulanga
nannyini nsolo efudde, era n'okugitwala anaagitwalanga.
35 "Seddume y'omuntu bw'eneerumyanga seddume y'omulala, n'emala
egitta; banaatundanga seddume ennamu, ensimbi ne bazigabana; ne
seddume enfu nayo banaagigabananga.
36 Oba singa seddume eyo ng'emanyiddwa nga ntomezitomezi, naye
nannyini yo nga tagiggalira mu lugo lwayo, ateekwa asasule seddume olwa
seddume, yo enfu eneebanga yiye.

# 22

*Amateeka ku Bintu by'Abantu*

1 "Omuntu bw'anabbanga ente ya munne, oba endiga, n'agitta oba
n'agitunda; anazzangawo ente ttaano olw'emu gy'abbye, n'endiga nnya
olw'endiga emu.
2 "Omubbi bw'anaakwatibwanga ng'amenya ennyumba, n'akubibwa
emiggo n'afa; amukubye taabengako musango olw'okuyiwa omusaayi
gw'omubbi oyo;
3 naye singa ebyo bigwawo ng'enjuba emaze okuvaayo, anaaban-
gako omusango olw'okuyiwa omusaayi ogwo. Omubbi anaateekwanga
okuliwa; naye bw'abanga talina kantu, anaatundibwanga alyoke asasulire
bye yabba.
4 "Omubbi singa akwatibwa lubona nga n'ensolo gy'abbye agirina
nnamu, oba nte, oba ndogoyi oba ndiga, anazzangawo bbiri bbiri.
5 "Omuntu bw'anaabanga alunda ebisolo bye mu ddundiro lye oba mu
nnimiro ye ey'emizabbibu, ensolo ze n'azireka ne zigenda ziriira mu
nnimiro y'omuntu omulala; anaasasulanga ku bibala ebisinga obulungi
n'ezabbibu ebiva omumwe.
6 "Omuliro bwe gunaalandanga ne guyita mu bisaka* ne gukwata
ennimiro y'omuntu, ne gwokya ebinywa by'eŋŋaano, oba eŋŋaano
ekyakula, oba ne guzikiriza ennimiro ye yonna; eyakumye omuliro ogwo
anaasasuliranga byonna ebyonoonese.
7 "Omuntu bw'anaateresanga munne ensimbi oba ebintu bye ebirala,
ne bamala babibbira mu nnyumba ye; omubbi bw'anaakwatibwanga
anaaliwanga emirundi ebiri.
8 Naye omubbi bw'ataakwatibwenga, nannyini nnyumba ateekwa
agende eri abalamuzi, basalewo obanga ebintu bya munne ye yabitutte.
9 Mu buli misango gyonna egy'okubeera n'ebintu mu ngeri emenya am-
ateeka, ng'okubeera n'ente, oba endogoyi, oba endiga, oba ekyambalo, oba
ekintu ekirala kyonna ekinaabanga kibuze, omuntu n'amala akyogerako
nti, 'Kino kyange,' omuntu akirina n'oyo akiyita ekikye banaatwalanga
ensonga zaabwe eri abalamuzi. Oyo abalamuzi gwe banaasaliranga nti
gumusinze, anaddizangawo munne emirundi ebiri.
10 "Omuntu bw'anaateresanga munne endogoyi, oba ente, oba endiga,
oba ensolo endala yonna; n'emala efa, oba n'erumizibwa, oba n'etwalibwa
nga tekitegeerekese agitutte,
11 ensonga zaabwe zinaagonjoolwanga nga eyatereka alayidde mu
maaso ga Mukama nti ensolo eyo si ye yagibba. Nannyini nsolo
ateekwanga okukkiriza ekirayiro ekyo, era taasasulwenga kintu kyonna.
12 Naye bw'eneemubbibwangako, anaagiriwanga.

* **22:6** bisaka Mu biro ebyo, ebisaka byakozesebwanga ng'ebikomera.

13 Bw’eneebanga erumbiddwa ensolo enkambwe n’etaagulwataagulwa, anaaleetanga ebitundutundu byayo ebisigaddewo ng’obujulizi; taaliwenga nsolo etaaguddwataaguddwa.

14 “Omuntu bw’aneeyazikanga ensolo ku muliraanwa we, n’erumizibwa, oba n’emufaako nga nnyini yo taliiwo, anaateekwanga okugisasulira.

15 Naye nannyini yo bw’anaabangawo, taaliyirwenga. Ensolo ng’ebadde epangisibbwa bupangisibwa, omuwendo ogugipangisizza gunaamalanga mu kugisasulira.

*Amateeka ku Mbeera y’Abantu*

16 “Omusajja bw’anaasendasendanga omuwala omuto akyali embeerera, ne yeebaka naye, atwalengayo ebintu ebyobuko, amuwase.

17 Naye singa kitaawe w’omuwala agaanira ddala okumumuwa, era asasulangayo omuwendo gw’ensimbi ogwenkanankana n’eby’obuko ebiweebwayo ku mbeerera.

18 “Omukazi omulogo omuttanga bussi.

19 “Omuntu akola eby’ensonyi n’ensolo ateekwanga kuttibwa.

20 “Omuntu atwalanga ssaddaaka eri katonda omulala, atali nze Mukama, azikirizibwenga.

21 “Bannamawanga temubayisanga bubi, so temubanyigirizanga, kubanga nammwe mwali bannaggwanga mu nsi y’e Misiri.

22 “Nnamwandu ne mulekwa temubajooganga.

23 Bwe munaabajooganga ne bankaabira, nnaabawulirizanga.

24 Obusungu bwange ne bubuubuuka, mmwe ne mbatta n’ekitala. Bakyala bammwe ne bafuuka bannamwandu n’abaana bammwe bamulekwa.

25 “Bw’owolanga ensimbi omu ku bantu bange abali mu mmwe, ng’ali mu kwetaaga, teweeyisanga ng’abawozi b’ensimbi abalala; tomusasuzanga magoba.

26 Bw’otwalanga ekyambalo ky’omuntu ng’akakalu, kimuddize ng’enjuba egenda okugwa;

27 kubanga ekyambalo kye ekyo kye ky’okwebikka kye kyokka ky’alina. Kale bw’otokimuddiza olwo asule mu ki? Bw’anankaabiriranga nzijanga kumuwuliriza, kubanga ndi wa kisa.

28 “Tovumanga Katonda, wadde okwogera obubi ku bafuzi bammwe.

29 “Tolwangawo kuwaayo ku bibala ebibereberye nga byengedde.

“Mutabani wo omubereberye onoomumpanga.

30 Ente zo n’endiga zo nazo onookolanga bw’otyo. Onoozirekeranga bannyina baazo okumala ennaku musanvu; onoozimpanga ku lunaku olw’omunaana.

31 “Mujjanga kuba bantu bange batukuvu. Noolwekyo temuulyenga nnyama ya nsolo etaaguddwataaguddwa ebisolo eby’omu nsiko. Munaagirekeranga mbwa.

# 23

*Amateeka ku Kusaasira ne ku Bwenkanya*

1 “Tosaasaanyanga ŋŋambo. Teweegattanga na muntu mubi, ng’owa obujulirwa obw’obulimba bulyoke bumuyambe.

2 “Tokolagananga na kibiina ky’omanyi nga bye kiriko bikyamu. Bw’obanga owa obujulirwa mu musango, tokkirizanga kusikibwa kibiina ne kikuweesa obujulizi obw’obulimba nga weekubira ku ludda lwe kiriko;

3 era towanga bujulirwa bukyamu oyambe omuntu yenna olwokubanga mwavu.

4 “Bw’osanganga ente y’omulabe wo, oba endogoyi ye, ng’ebuzze ogimuddizangayo eka.

5 Bw’olabanga endogoyi y’omuntu atakwagala, ng’omugugu gugisudde wansi, togirekanga, naye omuyambangako okugiyimusa.

6 “Tolemanga kusalirawo muntu nsonga ze mu bwenkanya, olwokubanga mwavu.

7 Teweeyingizanga mu nsonga za bulimba, era tottanga muntu atalina kibi oba atazzizza musango, kubanga aliko omusango sigenda kumwejjeereza.

8 “Tolyanga nguzi, kubanga enguzi eziba omuntu amaaso n’ekyamya n’abatuukirivu.

9 “Temuwalagganyanga munnaggwanga, kubanga mmwe bennyini mumanyi nga bwe kiri okuba bannaggwanga, kubanga mwali bannaggwanga mu nsi y’e Misiri.

10 “Mu myaka omukaaga osigirangamu emmere yo mu nnimiro zo era n’ogikungula;

11 naye mu mwaka ogw’omusanvu ettaka olirekanga ne liwummula, abaavu mu mmwe basobolenga okulya ku mmere okuva mu bimererezi; eneefikkangawo ebisolo by’omu nsiko binaagiryanga. Era bw’otyo bw’onookolanga n’ennimiro zo ez’emizabbibu n’ez’emizeeyituuni.

12 “Mu nnaku omukaaga mw’okoleranga emirimu gyo, naye ku lunaku olw’omusanvu tokolanga, ente yo n’endogoyi yo ziryoke zisobole okuwummulako; ne mutabani w’omuweereza wo, ne munnaggwanga ali mu maka go bawummuleko baddemu endasi.

13 “Weegenderezanga n’okolanga byonna bye nkulagidde. Bakatonda abalala toboogerangako, era amannya gaabwe tegayitanga mu kamwa ko.

### *Amateeka ku Mbaga Enkulu Essatu eza Buli Mwaka*

14 “Ononkoleranga embaga emirundi esatu buli mwaka.

15 “Onookolanga Embaga ey’Emigaati Egitali Mizimbulukuse. Onoolyanga omugaati ogutaliimu kizimbulukusa okumala ennaku musanvu, nga bwe nakulagira. Kino okikolanga mu kiseera ekyategekebwa, mu mwezi gwa Abibu, kubanga mu mwezi ogwo mwe waviira mu nsi y’e Misiri.

“Tewabangawo ajja gye ndi engalo ensa.

16 “Onookolanga Embaga ey’Amakungula* ey’ebibala ebibereberye eby’ebirime bye wasiga mu nnimiro yo.

“Onookolanga Embaga ey’Amayingiza† buli nkomerero ya mwaka, bw’onookuŋŋaanyanga ebibala by’omu nnimiro, n’obiyingiza.

17 “Abasajja bonna banajjanga awali MUKAMA Katonda emirundi egyo esatu buli mwaka.

18 “Temuwangayo kintu kyonna gye ndi ekirimu ekizimbulukusa nga mundeetedde ssaddaaka erimu omusaayi; n’amasavu aga ssaddaaka yange tegasulangawo kutuusa nkeera.

---

* **23:16** Embaga ey’Amakungula y’emu yeeyitibwa Embaga eya Wiiki (34:22) kubanga Embaga ey’Amakungula yabangawo oluvannyuma lw’Embaga ey’Okuyitako, ng’okukungula kwa kaggwa

† **23:16** Embaga ey’Amayingiza yabangawo ng’okukungula kwa kaggwa.

19 "Ebibala ebisinga obulungi mu ebyo ebisoose okuva mu ttaka lyo
obitwalanga mu nnyumba ya MUKAMA Katonda wo. Tofumbanga akaana
k'embuzi mu mata ga nnyina waako.‡

*Ekisuubizo ky'Okukuumibwa Katonda*

20 "Laba, ntuma malayika akukulembere, akutuuse bulungi mu kifo kye
nteeseteese.
21 Omuwulirizanga, era ogonderanga by'agamba. Tomujeemeranga;
bw'olijeema tagenda kukusonyiwa, kubanga aliba akola mu Linnya
lyange.
22 Naye bw'onoowulirizanga eddoboozi lye, n'okola nga bwe ŋŋamba,
kale nnaakyawanga abakukyawa, n'abalabe bo banaabanga balabe bange.
23 Malayika wange alikwesooka mu maaso akukulemberenga akutu-
use mu nsi y'Abamoli, ne mu y'Abakiiti, ne mu y'Abaperezi, ne mu
y'Abakanani, ne mu y'Abakiivi, ne mu y'Abayebusi, nange ndibazikiririza
ddala.
24 Tovuunamiranga bakatonda baabwe, so tobaweerezanga, era tok-
watanga mpisa zaabwe, wabula obabetetaranga ddala, n'omenyaamenya
n'empagi zaabwe.
25 Oweerezanga MUKAMA Katonda wo yekka, emmere yo n'amazzi go
ndyoke mbiwe omukisa. Ndiggyawo endwadde mu mmwe;
26 tewaabengawo mugumba wadde avaamu olubuto. Ennaku z'obulamu
bwo zonna nnaazituukirizanga.
27 "Nnaasindikanga ekikangabwa mu mawanga agaagala okukwolekera,
ne ntabulatabula abo bonna abanaakwegezangamu, era abalabe bo
nnaabafuumuulanga emisinde.
28 Ndisindika ennumba ne zikukulembera, ne zigoba Abakiivi,
n'Abakanani, n'Abakiiti ne bakuviira mu kkubo lyo.
29 Naye mu nsi omwo siribagobamu mu mwaka gumu, ebikande bireme
kusukkirira, n'ensolo ez'omu nsiko ne zaala ne zibayitirira obungi.
30 Nzijanga kubagobamu mpola mpola, okutuusa nga mwaze ne mu-
lyoka mulya ensi eyo.
31 "Ndisala ensalo zammwe okuva ku Nnyanja Emyufu okutuuka ku
Nnyanja y'Abafirisuuti, n'okuva ku ddungu okutuuka ku Mugga Fulaati.
Abantu b'omu nsi omwo ndibabawa, ne mubagobamu.
32 Temukolanga nabo ndagaano, wadde ne bakatonda baabwe.
33 Temubakkirizanga kubeera mu nsi yammwe, tebalwa kubanyoomesa
biragiro byange; kubanga singa muweereza bakatonda baabwe muliba
mugudde mu mutego."

# 24

*Isirayiri Akkiriza Endagaano*

1 Awo MUKAMA n'alagira Musa nti, "Mwambuke eno gye ndi, ggwe
ne Alooni, ne Nadabu, ne Abiku, n'abakulembeze ba Isirayiri nsanvu.
Musinze nga mwesuddeko akabanga,
2 Musa yekka y'anaansemberera; abalala tebasembera. Era abantu
tebasaana kujja naye."
3 Musa n'ajja n'ategeeza abantu ebigambo byonna MUKAMA bye ya-
mugamba awamu n'amateeka ge gonna. Abantu bonna ne baddiramu

‡ **23:19** Okufumba akaana k'embuzi mu mata ga nnyina waako yali mpisa y'Abakanani

wamu ne bagamba nti, “Ebigambo ebyo byonna MUKAMA by’agambye
tunaabikola.”
4 Bw’atyo Musa n’awandiika ebigambo byonna MUKAMA bye yayogera.
Awo Musa n’akeera mu makya n’azimba ekyoto awo wansi w’olusozi;
n’asimbako n’empagi kkumi na bbiri ng’ebika bya Isirayiri ekkumi
n’ebibiri bwe byali.
5 N’atuma abasajja abavubuka Abayisirayiri, ne bawaayo ebiweebwayo
ebyokebwa eri MUKAMA, ne ssaddaaka ey’emirembe ey’ente.
6 Musa n’addira ekitundu ky’omusaayi n’akissa mu mabeseni,
n’ekitundu ekirala n’akimansira ku kyoto.
7 N’asitula Ekitabo ky’Endagaano, n’akisomera abantu nga bonna
bawulira. Ne bagamba nti, “Ebyo byonna MUKAMA by’agambye tujja
kubikola; era tunaamugonderanga.”
8 Awo Musa n’addira omusaayi n’agumansira ku bantu, n’agamba
nti, “Guno gwe musaayi gw’endagaano MUKAMA Katonda gye yabalagira
okukwata.”
9 Awo Musa ne Alooni, ne Nadabu, ne Abiku, n’abakulembeze ba Isirayiri
ensanvu, ne bambuka;
10 ne balaba Katonda wa Isirayiri. Wansi w’ebigere bye nga waliwo
ng’omwaliiro ogw’amayinja ga safiro, agalabika obulungi ng’eggulu
eritaliiko bire.
11 Naye Katonda teyakola kabi konna ku bakulembeze ba Isirayiri abo;
Katonda baamulaba, ne balya era ne banywa.
12 MUKAMA n’agamba Musa nti, “Yambuka eno gye ndi ku lusozi,
obeere wano olinde; nzija kukuwa ebipande eby’amayinja okuli amateeka
g’empandiise ogayigirize abantu.”
13 Awo Musa n’asituka n’omuweereza we Yoswa; Musa n’ayambuka ku
lusozi lwa Katonda.
14 N’agamba abakulembeze b’abantu nti, “Mugira mutulindako wano
nga naffe bwe tukomawo. Mbalekedde Alooni ne Kuuli; buli anaaba
n’ensonga yonna agende gye bali, bajja kugimumalira.”
15 Awo Musa n’alinnyalinnya olusozi, ekire ne kirubikka.
16 Ekitiibwa kya MUKAMA ne kibeera ku Lusozi Sinaayi. Ekire ne kibikka
olusozi okumala ennaku mukaaga; ku lunaku olw’omusanvu MUKAMA
n’ayita Musa ng’asinziira wakati mu kire.
17 Abaana ba Isirayiri bwe baatunuulira ekitiibwa kya MUKAMA, ne
kibalabikira ng’omuliro ogw’amaanyi ennyo ku ntikko y’olusozi.
18 Musa n’ayingira mu kire ng’agenda alinnyalinnya olusozi. Ku lusozi
yamalako ennaku amakumi ana.

# 25

### *Ebiweebwayo mu Weema Entukuvu*

1 MUKAMA n’ayogera ne Musa nti,
2 “Gamba abaana ba Isirayiri bandeetere ekiweebwayo. Buli muntu
aleete ekiweebwayo ng’okuteesa kw’omutima gwe bwe kuli, okimunzi-
jireko.

3 “Bino bye biweebwayo bye banaakukwasa:

“zaabu, ne ffeeza, n’ekikomo;
4 n’olugoye olwa bbululu, n’olwa kakobe, n’olumyufu, n’olugoye olwa
linena erangiddwa mu wuzi ennungi;

n’obwoya bw’embuzi,
5 n’amaliba g’endiga ennume amakunye amannyike mu langi emyufu, n’ekika ky’eddiba ekirala ekiwangaazi;
n’embaawo z’omuti gwa akasiya;
6 n’amafuta g’ettaala;
n’ebyakaloosa eby’okukozesa mu mafuta ag’okwawula, ne mu bubaane obw’okunyookeza;
7 n’amayinja aga onuku n’amayinja amalala ag’omuwendo, ag’okutona ku kkanzu ey’obwakabona eyitibwa efodi, era ne ku kyomukifuba.

8 “Bankolere ekifo ekitukuvu ndyoke mbeerenga wakati mu bo.
9 Mukole Eweema ya Mukama eyo entukuvu n’ebigibeeramu byonna nga bwe nnaabalagirira.

*Essanduuko*

10 “Bakole essanduuko mu muti gwa akasiya, obuwanvu mita emu ne sentimita kkumi na ssatu, obugazi sentimita nkaaga mu musanvu n’obugulumivu sentimita nkaaga mu musanvu.
11 Ogiteekeko zaabu omuka ennyo munda ne kungulu, era ogyetoolooze omuge ogwa zaabu.
12 Ogiweeseze empeta nnya eza zaabu ozisibe ku magulu gaayo ana, ng’empeta ebbiri ziri ku ludda olumu, n’endala ebbiri ku ludda lwayo olulala.
13 Obajje emisituliro mu muti ogwa akasiya, ogibikkeko zaabu.
14 Ogisonseke mu mpeta eziri ku ssanduuko, okusituzanga essanduuko.
15 Emisituliro egyo ginaalekebwanga mu mpeta ze ssanduuko, si zaakuggyangamu.
16 Mu ssanduuko omwo mw’onossa Amateeka ge nnaakuwa.
17 “Okolereko ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira, nga kya zaabu omuka ennyo; obuwanvu bwakyo sentimita nkaaga mu musanvu, n’obugazi sentimita nkaaga mu musanvu.
18 Era okolereko ebifaananyi bya bakerubi babiri mu zaabu empeese, ku njuyi ebbiri ez’ekisaanikira.
19 Oteeke ekifaananyi kya kerubi omu ku ludda lumu olw’ekisaanikira, n’ekifaananyi kya kerubi omulala ku ludda olwokubiri, nga ebifaananyi bya bakerubi byombi byekutte wamu n’ekisaanikira.
20 Ebiwaawaatiro bya bakerubi bibe bibikkule nga bisonze waggulu, era nga bisiikiriza ekisaanikira. Bakerubi batunulagane nga boolekedde ekisaanikira.
21 Ekisaanikira onookissa kungulu ku Ssanduuko; ekiwandiiko eky’Endagaano ey’Amateeka kye nnaakuwa, okisse munda mu Ssanduuko.
22 Awo waggulu w’ekisaanikira, mu bakerubi bombi abali ku Ssanduuko ey’Endagaano, we nzija okukusisinkana ndyoke nkuwe ebiragiro byange byonna bye nkoledde abaana ba Isirayiri.

*Emmeeza*

23 “Okole emmeeza mu muti gwa akasiya, obuwanvu bwayo sentimita kyenda, obugazi sentimita amakumi ana mu ttaano, n’obugulumivu sentimita nkaaga mu musanvu.
24 Ogibikkeko zaabu omuka ennyo; era ogyetoolooze ne zaabu omuge gwonna.

25 Era ogyetoolooze olukugiro oluweza sentimita musanvu ne desimoolo
ttaano obugazi, n'omuge ogwa zaabu okwetooloola olukugiro olwo.
26 Ogikolere empeta nnya eza zaabu, ozisibe mu nsonda ennya awali
amagulu ana.
27 Empeta zijja kubeera waggulu okumpi n'omuge, emisituliro
gy'emmeeza mwe ginaayisibwa.
28 Okole emisituliro mu muti gwa akasiya, ogibikkeko zaabu, egyo
emmeeza kw'eneesitulirwanga.
29 Era ogikolere essowaani eza zaabu, n'ebijiiko ebya zaabu, n'ensuwa
eza zaabu, n'ebibya ebya zaabu eby'okufukanga ebiweebwayo.
30 Era ku mmeeza eno onossaako Emigaati egy'Okulaga,
egy'okubeeranga mu maaso gange bulijjo.

*Ekikondo ky'Ettaala*

31 "Okole ekikondo ky'ettaala nga kya zaabu omuka. Ekikondo
kyonna na bino ebikiriko: entobo yaakyo n'enduli, ebikopo ebifaanana
ng'ebimuli, amatabi n'emitunsi n'ebimuli byako, byonna byakuweesebwa
mu kyuma kya zaabu kimu bulambalamba.
32 Kunaabako amatabi mukaaga omutuula emisubbaawa: amatabi asatu
nga gali ku ludda lumu, n'amalala asatu nga gali ku ludda olulala.
33 Ku matabi gonna omukaaga agava ku kikondo ky'ettaala, kubeeko ku
buli ttabi, ebikopo bisatu ebikole ng'ebimuli by'alumondi; mu buli kikopo
nga mulimu omutunsi n'ekimuli.
34 Ku kikondo ky'ettaala kyennnyini kubeeko ebikopo bina ebifaanana
ebimuli by'alumondi nga mulimu emitunsi n'ebimuli.
35 Omutunsi gumu gujja kuba wansi w'amatabi abiri agava ku
kikondo, n'omutunsi ogwokubiri gubeere wansi w'amatabi abiri amalala,
n'omutunsi ogwokusatu gubeere wansi w'amatabi abiri amalala; amatabi
gonna omukaaga ne gaggwaayo.
36 Emitunsi n'amatabi biweesebwe mu kyuma kya zaabu omwereere,
nga kiri bulambalamba n'ekikondo ky'ettaala.
37 "Era ekikondo kikolere ettaala musanvu; ettaala zino nga zaakira mu
maaso gaakyo.
38 Makansi ezikomola entambi, n'essowaani ez'okussaako ebisirinza,
byonna bikolebwe mu zaabu mwereere.
39 Ojja kwetaaga zaabu omwereere aweza obuzito bwa kilo asatu mu
nnya, okukola ekikondo ky'ettaala ne byonna ebigenderako.
40 Weegendereze, byonna obikole ng'ogoberera ekifaananyi kye nkulaze
wano ku lusozi."

# 26

*Eweema ya MUKAMA*

1 "Onookola Weema n'emitanda gy'entimbe kkumi, nga girukiddwa mu
wuzi eza linena omulebevu alangiddwa n'ewuzi eza bbululu, ne kakobe,
ne myufu. Omutunzi ow'amagezi ennyo akoleremu bakerubi.
2 Emitanda gy'entimbe gyonna gijja kwenkanankana: obuwanvu mita
kkumi na bbiri n'ekitundu, n'obugazi mita emu ne desimoolo munaana.
3 Emitanda gy'entimbe etaano onoogigatta wamu, ng'ogisengese gumu
ku gunnaagwo, era ne ginnaagyo ettaano ogikole bw'otyo.

4 Otunge eŋŋango eza bbululu ku mukugiro gw’omutanda gw’entimbe ogukomererayo mu kitundu ekimu eky’entimbe ettaano, era okole bw’otyo ne ku ŋŋango ekomererayo mu kitundu ekyokubiri.

5 Otunge eŋŋango amakumi ataano ku mutanda gw’entimbe ogumu, n’eŋŋango endala amakumi ataano ku mukugiro gw’omutanda gw’entimbe mu kitundu ekikomererayo, eŋŋango ezo nga zoolekaganye.

6 Okole ebikwaso amakumi ataano ebya zaabu, okwase wamu emitanda gy’entimbe gyombi n’ebikwaso ebyo, olwo Eweema ya Mukama ebeere wamu nga nnamba.

### *Eby’okussa mu Weema*

7 “Okole entimbe kkumi na lumu nga zilukiddwa mu bwoya bw’embuzi, ozibikke ku Weema.

8 Entimbe zonna ekkumi n’olumu zijja kwenkanankana obunene: ng’obuwanvu mita kkumi na ssatu n’ekitundu, n’obugazi mita emu ne desimoolo munaana.

9 Ogatte entimbe ttaano wamu, n’entimbe omukaaga ozigatte wamu. Olutimbe olw’omukaaga oluwetemu mu maaso g’Eweema.

10 Ojja kutunga eŋŋango amakumi ataano ku mukugiro gw’omutanda gw’entimbe ogukomererayo mu kitundu ky’entimbe ekimu, ne ku mukugiro gw’olutimbe olukomererayo mu kitundu ekyokubiri.

11 Okole ebikwaso eby’ekikomo amakumi ataano, obiyise mu ŋŋango, bikwate ekibikka ku Weema, ebeere wamu nga nnamba.

12 Ekitundu ky’entimbe ekisigaddewo ku masuuka g’ebibikka ku Weema kijja kuleebeetera emabega wa Weema.

13 Entimbe z’ekibikka ku Weema mu mbiriizi zombi ziyise Eweema kitundu kya mita emu mu buwanvu. Ebitundu bino byombi bijja kuleebeetera mu mbiriizi zombi eza Weema nga bigibisse.

14 Ekibikka ku Weema okikolereko ekibikkako eky’amaliba g’endiga nga gasiigiddwa erangi emyufu, okwo obikkeko amaliba g’ente ey’omu nnyanja.

15 “Obajje embaawo mu muti gwa akasiya oziyimirize zikole omudaala gw’Eweema kweneetuula.

16 Buli lubaawo lube obuwanvu mita nnya n’ekitundu, ate obugazi sentimita nkaaga mu musanvu.

17 Buli lubaawo oluteekeko obubaawo obuyiseemu bubiri, nga butunulaganye n’embaawo zonna. Embaawo zonna ez’omudaala gw’Eweema ozikole bw’otyo.

18 Okole embaawo amakumi abiri ozisse ku ludda olw’obukiikaddyo obw’Eweema,

19 era okole entobo eza ffeeza amakumi ana, zibeere wansi w’obubaawo obuyiseemu obubiri ku buli lubaawo.

20 Ku ludda olwa bukiikakkono olw’Eweema okolereyo embaawo amakumi abiri,

21 n’entobo eza ffeeza amakumi ana, bbiri wansi wa buli lubaawo.

22 Okole embaawo mukaaga oziteeke ku ludda olw’emabega, lwe lw’ebugwanjuba bwa Weema;

23 era okole embaawo bbiri ez’okussa ku nsonda ku ludda olwo.

24 Ku nsonda zino ebbiri embaawo zombi ozisibe wamu nabansasaana okuviira ddala wansi okutuuka waggulu, ozinyweze n’empeta.

25 Kwe kugamba nti wajja kubeerawo embaawo zonna awamu munaana, n’entobo eza ffeeza kkumi na mukaaga, nga ku buli lubaawo wansi waalwo eriyo bbiri.

26 “Osale buliti mu muti gwa akasiya: buliti ttaano ez’okukozesa ku
mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olumu,
27 ne buliti ttaano ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olulala,
ne buliti ttaano okukozesa ku mbaawo eziri ku ludda olw’emabega wa
Weema olw’ebugwanjuba.
28 Omulabba guyite wakati w’embaawo nga guva ku ludda olumu
okutuuka ku ludda olulala.
29 Embaawo ozibikkeko zaabu, era okole empeta eza zaabu ozisibise
buliti; ne buliti nazo ozibikkeko zaabu.
30 Eweema onoogizimba ng’ogoberera ekifaananyi ekyakulagibwa ng’oli
ku lusozi.

*Eggigi*

31 “Okole eggigi mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena
omulebevu alangiddwa; era omukozi omukugu atungiremu bakerubi.
32 Oliwanike n’amalobo aga zaabu ku mpagi nnya ezibajjiddwa mu muti
gwa akasiya nga zibikkiddwako zaabu, era nga ziyimiriziddwa mu ntobo
eza ffeeza.
33 Eggigi olinyweze n’ebikwaso; olyoke otereeze Essanduuko
ey’Endagaano munda waalyo. Eggigi liryoke lyawule Ekifo Ekitukuvu
n’Ekifo Ekitukuvu Ennyo.*
34 Onosse ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira ku Ssanduuko
ey’Endagaano munda mu Kifo Ekitukuvu Ennyo.
35 Oddire emmeeza ogisse ku ludda olwa ddyo mu kisenge ebweru
w’eggigi mu Weema, n’ettaala ogisse ku ludda olwa kkono ng’eyolekedde
emmeeza.
36 “Okole olutimbe lw’omu mulyango gw’Eweema mu wuzi eza bbululu,
ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa omulungi; nga
byonna bitungiddwa bulungi.
37 Olutimbe olukolere empagi ttaano ng’ozibazze mu muti gwa akasiya,
ozibikkeko zaabu, n’amalobo gaalwo gabe zaabu; ogiweeseze entobo
ttaano ez’ekikomo.”

# 27

*Ekyoto*

1 “Zimba ekyoto mu miti gya akasiya, obugulumivu mita emu ne
desimoolo ssatu, n’obuwanvu mita bbiri ne desimoolo ssatu, ate obugazi
mita bbiri ne desimoolo ssatu.
2 Era ku nsonda zaakyo ennya kolerako amayembe; ng’ekyoto
n’amayembe bibajjiddwa bumu mu muti gumu; ekyoto kyonna olyoke
okibikkeko ekikomo.
3 Kola ebbakuli omunaayoolerwanga evvu lyakyo, n’ebisena evvu,
n’ebbensani, n’ewuuma z’ennyama, ne fulampeni; ebyo byonna nga
bikolebwa mu kikomo.
4 Ekyoto kikolere ekitindiro eky’obutimba eky’ebyuma eby’ekikomo; ku
nsonda ennya ez’ekitindiro olyoke okolereko empeta nnya ez’ekikomo.
5 Leebeeseza ekitindiro ekyo mu kyoto, nga waggulu kinyweredde ku
muziziko ne kireebeeta okukoma wakati ng’ekyoto bwe kikka.
6 Kola emisituliro gy’ekyoto mu muti gwa akasiya, ogibikkeko ekikomo.

* **26:33** Ekifo Ekitukuvu Ennyo Kabona Asinga Obukulu yekka ye yakkirizibwanga okuyingira mu Kifo Ekitukuvu Ennyo, omulundi gumu gwokka mu mwaka, era lwe lunaku olw’okutangiririrako

7 Emisituliro egyo ogiyingize mu mpeta ennya, gibeere ku njuyi zombi
ez'ekyoto nga kibadde kisitulwa okubaako gye kitwalibwa.
8 Ekyoto kikole n'embaawo, nga wakati kya muwulukwa. Okikole nga
bwe kyakulagibwa ku lusozi.

*Oluggya*

9 "Eweema ya Mukama gikolere oluggya. Ku ludda olwa ddyo oluggya
lubeere mita amakumi ana mu mukaaga obuwanvu, era nga lulina
amagigi aga linena omulebevu alangiddwa,
10 n'entobo amakumi abiri n'ebikolo ebikondo mwe bituula eby'ekikomo
amakumi abiri; nga ku bikondo kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro
egya ffeeza.
11 Ne ku ludda olwakkono oluggya lubeere mita ana mu mukaaga
obuwanvu, era ebeeyo amagigi n'ebikondo amakumi abiri, n'entobo
zaabyo eby'ekikomo amakumi abiri, nga ku bikondo kuliko amalobo aga
ffeeza n'emikiikiro egya ffeeza.
12 "Ku ludda olw'obugwanjuba oluggya lubeere mita amakumi abiri mu
ssatu obugazi, era lubeere n'amagigi n'ebikondo kkumi awamu n'entobo
zaabyo kkumi.
13 Ku ludda olw'ebuvanjuba, enjuba gy'efulumira, nayo oluggya lubeere
mita amakumi abiri mu ssatu obugazi.
14 Ku ludda olumu olw'omulyango kubeereko amagigi mita mukaaga ne
desimoolo mwenda obuwanvu, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu,
15 ne ku ludda olulala nakwo kubeereko amagigi mita mukaaga ne
desimoolo mwenda obuwanvu, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu.
16 "Mu mulyango oguyingira mu luggya wanikamu eggigi mita mwenda
obuwanvu, nga lya wuzi za bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena
endebevu ennange, nga bikolebwa omutunzi omukugu, era ng'eggigi lirina
ebikondo bina n'entobo zaabyo nnya.
17 Ebikondo byonna mu luggya bibeere n'emikiikiro gya ffeeza,
n'amalobo ga ffeeza, n'entobo za kikomo.
18 Oluggya lubeere mita amakumi ana mu mukaaga obuwanvu,
n'obugazi mita amakumi abiri mu ssatu, n'amagigi aga linena ende-
bevu ennange, mita bbiri ne desimoolo ssatu obugulumivu, n'entobo
ez'ekikomo.
19 Ebintu ebirala byonna ebinaakozesebwa ku mirimu gya Weema egya
buli ngeri, ng'otaddeko n'obukondo obukomerera Weema n'obw'omu
luggya, byonna bibeera bya kikomo.

*Amafuta g'Ettaala*

20 "Lagira abaana ba Isirayiri bakuleetere amafuta ag'emizeeyituuni
amalungi ennyo ag'okukozesa mu ttaala, eryoke eyakenga obudde bwonna
nga tezikira.
21 Mu kisenge kya Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ebweru w'eggigi
eribisse Endagaano, awo Alooni ne batabani be we banaabeeranga nga
balabirira ettaala eyakirenga awali Mukama okuva olweggulo okutuusa
mu makya. Lino libeere tteeka abaana ba Isirayiri lye banaakwatanga
emirembe gyonna."

# 28

*Ebyambalo by'Obwakabona*

1 "Muganda wo Alooni muyiteyo mu baana ba Isirayiri, awamu ne batabani be: Nadabu, ne Abiku, ne Eriyazaali, ne Isamaali, bajje bampeereze nga be bakabona.
2 Muganda wo Alooni mutungire ebyambalo ebitukuvu, nga bya kitiibwa era nga birabika bulungi.
3 Yogera n'abo bonna abasobola, be nawa ekirabo eky'amagezi mu mirimu egyo, bakolere Alooni ebyambalo mw'anaayawulirwa okubeera kabona wange.
4 Bino bye byambalo bye banaakola: eky'omu kifuba, ekkanzu ey'obwakabona okutali mikono ennyimpi eyitibwa ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi; ng'ekoma mu ntumbwe; omunagiro; ekkooti erimu obusaze obw'obusimba n'obw'obukiika; ekitambaala; n'olukoba. Bakolere Alooni ne batabani be ebyambalo ebitukuvu balyoke bampeereze nga be bakabona.
5 Abakozi baweebwe ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu omulange.

*Ekkanzu eyitibwa Efodi*

6 "Abakozi abakugu bakole ekkanzu ey'obwakabona ennyimpi etaliiko mikono n'ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne myufu, ne linena omulebevu omulange.
7 Ebeere n'eby'okubibegabega bibiri nga bitungiddwa w'ekoma, eryoke egattibwe bulungi.
8 Omusipi gwayo mu kiwato gukolebwe n'amagezi mangi nga aganaakola ekkanzu ey'obwakabona, era n'ebinaakola bifaanagane, ng'ewuzi za zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa.
9 "Oddire amayinja ga onuku abiri, ogalambeko amannya ga batabani ba Isirayiri,
10 amannya mukaaga ku jjinja erimu, n'amannya g'abasigaddewo omukaaga ku jjinja eryokubiri, ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kugenda kuddiriragana.
11 Olambe amannya ga batabani ba Isirayiri ku mayinja ago abiri ng'omusazi w'amayinja bw'ayola akabonero ku jjinja; ogateeke mu fuleemu ogeetoolooze n'emikugiro egya zaabu.
12 Amayinja ago ojja gakwasiza ku by'okubibegabega eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, ng'amayinja ag'ekijjukizo ky'abaana ba Isirayiri. Alooni asitulenga amannya gaabwe awali MUKAMA ng'ekijjukizo.
13 Okole fuleemu eza zaabu,
14 n'enjegere bbiri eza zaabu omuka, ozirange ng'emiguwa; olyoke osibire enjegere ez'oku fuleemu.

*Ekyomukifuba*

15 "Kola ekyomukifuba eky'okutereezanga ensonga, nga mulimu gwa kikugu ng'ogw'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, n'ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu omulange.
16 Kijja kwenkanankana, buli ludda sentimita amakumi abiri mu bbiri, okiwetemu wakati.
17 Otungireko ennyiriri nnya ez'amayinja ag'omuwendo omungi. Mu lunyiriri olusooka osseemu amayinja saasiyo, ne topazi, ne kaabankulo;
18 ne mu lunyiriri olwokubiri osseemu emalada, ne safiro ne dayamandi;
19 ne mu lunyiriri olwokusatu osseemu jasinta; ne ageti, ne ametisita,

20 ne mu lunyiriri olwokuna osseemu berulo, ne onuku, ne yasipero, ogateeke mu fuleemu ya zaabu.
21 Wabeerewo amayinja kkumi n'abiri, n'amannya gaago ng'amannya g'abatabani ba Isirayiri. Gasalibwe bulungi ng'obubonero obuwoolebwa, nga ku buli limu kulambiddwako erinnya lyako okumalirayo ddala amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri.

22 "Ekyomukifuba kikolere enjegere ennange ng'emiguwa gya zaabu omuka.
23 Era ekyomukifuba kikolere empeta za zaabu bbiri, oteeke empeta ezo zombi ku mikugiro ebiri egy'ekyomu kifuba.
24 Oyise enjegere ebbiri eza zaabu mu mpeta ebbiri eziri ku mikugiro gy'eky'omu kifuba.
25 Oddire enjuuyi ebbiri ezisigaddewo ez'enjegere ozikwasize ku fuleemu ebbiri, ozinywereze mu maaso g'eby'oku bibegabega byombi eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.
26 Era okole empeta bbiri eza zaabu, ozitunge ku mikugiro gy'eky'omu kifuba ku luuyi olw'omunda oluliraanye ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.
27 Era okole empeta bbiri eza zaabu oziteeke mu maaso, mu bitundu ebya wansi eby'eby'okubibegabega byombi eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, wagguluko okumpi n'oluzizi lw'omusipi olw'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.
28 Empeta ez'oku kyomukifuba zisibwe wamu n'empeta z'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi n'akaguwa aka bbululu, kagattibwe n'olukoba, olw'omu kifuba luleme kutaggulukuka ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.

29 "Buli kiseera Alooni lw'anaayingiranga mu Kifo Ekitukuvu, anaabanga ayambadde amannya ga batabani ba Isirayiri ku kyomukifuba eky'okumala ensonga, nga kiri ku mutima gwe, kibeerenga ekijjukizo awali MUKAMA.
30 Mu ky'omu kifuba eky'okumala ensonga, onooteekamu Ulimu ne Sumimu*, era binaabeeranga ku mutima gwa Alooni buli lw'anaayingiranga awali MUKAMA. Bw'atyo Alooni anaasitulanga ekkubo omuyitwa okumala ensonga z'abaana ba Isirayiri okumpi n'omutima gwe buli lw'anaagendanga awali MUKAMA.

### *Ebyambalo eby'Obwakabona ebirala*

31 "Onookola ekyambalo ekiri ng'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, nga kyonna kya bbululu.
32 Waggulu mu makkati gaakyo munaabaamu ekituli omw'okuyisa omutwe; okwetooloola ekituli ekyo kunaabaako omuge omuyonde obulungi ng'omuleera ku kituli ky'omutwe eky'ekkanzu ey'obwakabona, kireme okuyulika.
33 Okwetooloola ebirenge wansi onootungayo amajjolobera mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu; nga mu makkati ga buli langi eziriraanye otobekamu obude obwa zaabu.
34 Ng'otunga amajjolobera n'ozzaako akade, ate n'oddiriza amajjolobera n'ozzaako akade; bw'otyo okwetooloola ebirenge by'ekyambalo ekyo.

* **28:30** Ulimu ne Sumimu byali bintu ebyakozesebwanga okumanya okuteesa kwa Katonda

35 Gunaabanga mulimu gwa Alooni okwambala ekyambalo ekyo
ng'agenda okuweereza. Obude obwo bunaawulirwanga ng'ayingira mu
Kifo Ekitukuvu awali MUKAMA, ne bw'anaabanga afuluma, aleme okufa.
36 "Onookola akapande aka zaabu omuka ennyo, okayoleko, nga bwe
bayola akabonero, nti,

Mutukuvu wa Mukama.

37 Akapande okasibeko akaguwa aka bbululu, okanywereze ku kitambaala
ky'oku mutwe ku ludda olw'omu maaso olw'ekitambaala.
38 Akapande ako kanaabeeranga mu kyenyi kya Alooni, era Alooni
y'anaabangako obuvunaanyizibwa nga wabaddewo ebitatuuse mu bi-
weebwayo ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaaleetanga nga bamaze
okubyawula ng'ebirabo byabwe ebitukuvu; kanaabeeranga ku kyenyi kye
bulijjo, MUKAMA alyoke akkirize ebirabo ebyo.
39 "Luka ekkooti erimu obusaze obw'obusimba n'obw'obukiika mu wuzi
eza linena omulebevu, era okole n'ekitambaala eky'oku mutwe mu linena
omulebevu, era okole olukoba ng'olutunzeemu amajjolobera.
40 Batabani ba Alooni bakolere amakooti, n'emisipi, n'enkuufiira; nga
byonna bya kitiibwa era nga birabika bulungi nnyo.
41 Alooni muganda wo mwambaze ebyambalo ebyo, ne batabani be
nabo bw'otyo; olyoke obafukeko amafuta ag'omuzeeyituuni, obaawule,
obatukuze, bampeerezenga nga be bakabona.
42 "Bakolere empale ez'omunda eza linena, nga ziva mu kiwato okukoma
mu bisambi, zibikke omubiri gwabwe.
43 Alooni ne batabani be banaazambalanga nga bajja mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu oba bwe banaasembereranga Ekyoto
okuweereza mu Kifo Ekitukuvu, baleme okwereetako omusango ne
bafa.

"Alooni ne batabani be ne bazzukulu be abalimuddirira banaaku-
umanga etteeka lino nga lya nkalakkalira."

# 29

### *Okwawula Bakabona*

1 "Bino by'onookola okwawula Alooni ne batabani be okubafuula
bakabona balyoke bampeereze. Ojja kulaba ente ya seddume emu ento,
n'endiga ennume ento bbiri, zonna nga teziriiko kamogo.
2 Era onookola mu buwunga bw'eŋŋaano ennungi emigaati egitaliimu
kizimbulukusa, ne zikkeeke enkole n'amafuta ag'omuzeeyituuni ezitali
nzimbulukuse, n'obusukuuti obw'oluwewere obutaliimu kizimbulukusa
naye nga busiigiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni.
3 Obiteeke mu kibbo kimu obireete awamu n'ente n'endiga ebbiri.
4 Leeta Alooni ne batabani be ku mulyango gw'Eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, obanaaze n'amazzi.
5 Ddira ebyambalo, oyambaze Alooni ekkooti, n'ekyambalo ekiri
ng'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, n'ekkanzu ey'obwakabona
eyitibwa efodi, n'ekyomukifuba, omusibeko omusipi gw'ekkanzu
ey'obwakabona eyitibwa efodi ogwalukibwa n'amagezi amangi;
6 omusibe n'ekitambaala ku mutwe olyoke otereeze bulungi engule
entukuvu ku kitambaala eky'oku mutwe.
7 Ddira amafuta ag'okwawula ogafuke ku mutwe gwe, omwawule.
8 Leeta batabani be obambaze amakooti,

9 obasibeko emisipi, obambaze n'enkuufiira; olwo nga bafuuka bakabona emirembe gyonna ng'ekiragiro bwe kigamba. Bw'otyo bw'onooyawula Alooni ne batabani be.

### *Ekiweebwayo olw'Ebibi*

10 "Onooleeta ente eyo ento mu maaso g'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Alooni ne batabani be banaagikwatako ku mutwe,
11 n'olyoka ogittira awo awali MUKAMA ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
12 Onoddira omusaayi ogw'ente eyo omutonotono, n'ogusiiga n'olugalo lwo ku mayembe ag'oku kyoto; omusaayi ogunaasigalawo oguyiwe wansi w'ekyoto.
13 Onoddira amasavu gonna ag'oku byenda n'ogabikka ku kibumba n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, obyokere ku kyoto.
14 Naye ennyama y'ente eyo n'eddiba lyayo, n'obusa bwayo, byokere ebweru w'olusiisira. Ekyo ky'ekiweebwayo olw'ekibi.

### *Ekiweebwayo Ekyokye*

15 "Kwata endiga zombi, Alooni ne batabani be banaakwatanga ku mutwe gw'endiga emu;
16 otte endiga eyo, n'oddira omusaayi gwayo n'ogumansa buli wantu ku kyoto.
17 Onoosalaasala endiga eyo mu bifi, onaaze eby'omunda byayo n'amagulu gaayo; obisse wamu n'ebifi n'omutwe,
18 endiga yonna ogyokere ku kyoto. Ekyo ky'ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokye, eky'akawoowo akasanyusa, nga kiweebwayo ku muliro eri MUKAMA.

### *Ekiweebwayo ku Kwawulibwa*

19 "Onoddira endiga endala, Alooni ne batabani be ne bassa emikono ku mutwe gwayo;
20 onoogitta, n'oddira ku musaayi gwayo n'ogusiiga ku kasongezo k'okutu kwa Alooni okwa ddyo, ne ku busongezo bw'amatu ga batabani be aga ddyo, ne ku binkumu by'emikono gyabwe egya ddyo, ne ku bigere byabwe ebisajja ebya ddyo; omusaayi ogunaasigalawo ogumansire ku kyoto okukyetooloola.
21 Onoddira ku musaayi oguli ku kyoto, oddire ne ku mafuta ag'okwawula, obimansire ku Alooni ne ku byambalo bye, era ne ku batabani be ne ku byambalo byabwe. Bw'atyo Alooni ne batabani be bajja kutukuzibwa awamu n'ebyambalo byabwe.
22 "Onoggya ku ndiga eyo amasavu, n'omukira omusava, n'amasavu agabikka eby'omu lubuto ne ku kibumba, n'ensigo zombi awamu n'amasavu agaziriko, n'ekisambi ekya ddyo; kubanga eyo y'endiga ey'okukozesa mu kwawula bakabona.
23 Era olabe mu kibbo ekirimu ebitali bizimbulukuse ebiri awali MUKAMA oggyemu omugaati gumu, ne keeke emu okuli amafuta ag'omuzeeyituuni, n'akasukuuti ak'oluwewere;
24 ebyo byonna obikwase Alooni ne batabani be, babiwuubire awali MUKAMA ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa.
25 Onoobibaggyako, n'obyokera ku kyoto ng'obyongera ku kiweebwayo ekyokebwa, mulyoke muveemu akawoowo akalungi akasanyusa MUKAMA; kye kiweebwayo eri MUKAMA ekyokye mu muliro.

26 Era onoddira ekifuba ky'endiga y'okwawulibwa kwa Alooni, oki-
wuube ng'ekiweebwayo eri MUKAMA ekiwuubibwa; ogwo gwe gunaaba
omugabo gwo.
27 Onootukuza ekifuba eky'ekiweebwayo ekiwuubibwa, n'ekisambi
eky'ekiweebwayo ekiwuubibwa, n'ekisambi eky'omugabo gwa bakabona
era nga nakyo kiwuubibwa ekiva ku ndiga y'okwawulibwa, nga bwe guli
omugabo gwa Alooni ne batabani be.
28 Gunaabanga mugabo gwa Alooni ne batabani be, nga guva mu baana
ba Isirayiri emirembe gyonna; kubanga gwe mugabo gwa bakabona
ogunaavanga ku kiweebwayo ky'abaana ba Isirayiri eky'emirembe, nga
kye kiweebwayo kyabwe eri MUKAMA.
29 "Ebyambalo bya Alooni ebitukuvu, batabani be, be banaabisikiranga,
era mwe banaafukirwangako amafuta, era mwe banaayawulirwanga.
30 Omwana anaabanga azze mu bigere bya Alooni nga kabona,
anaabyambaliranga ennaku musanvu, bw'anajjanga mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu okuweereza mu Kifo Ekitukuvu.

### *Emmere ku Kwawulibwa*

31 "Ojja kuddira endiga y'okwawulibwa, ofumbe ennyama yaayo mu kifo
ekitukuvu;
32 Alooni ne batabani be balye ku nnyama y'endiga eyo, ne
ku mugaati oguli mu kibbo, nga bali ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu.
33 Banaalya ku ebyo ebikozesebbwa ku mukolo ogw'okusonyiyibwa
kwabwe lwe batukuzibwa era lwe bayawulirwako. Naye atali kabona
tabiryangako, kubanga bitukuvu.
34 Era singa ku nnyama y'okwawula ne ku migaati wasigalawo ebiremye
okutuusa enkeera, byonna byokebwanga bwokebwa; tewabanga abirya,
kubanga bitukuvu.
35 "Bwe kutyo okwawulibwa kwa Alooni ne batabani be bw'onookukola
nga bwe nkulagidde. Omukolo gwonna gujja kumala ennaku musanvu;
36 era buli lunaku ojja kuwaayo seddume y'ente emu ng'ekiweebwayo
olw'ekibi, olw'okusonyiyibwa. Waayo ekiweebwayo olw'okulongoosa
ekyoto, okifukeko amafuta, okitukuze.
37 Ojja kumala ennaku musanvu ng'owaayo ekiweebwayo
olw'okulongoosa ekyoto, okitukuze; era ekyoto kijja kubeera kitukuvu
nnyo, buli ekinaakikomangako nga nakyo kifuuka kitukuvu.

### *Ekyoto eky'Ebiweebwayo Ebyokebwa*

38 "Bino by'onoowangayo ku kyoto buli lunaku: onoowangayo endiga
ento bbiri ez'omwaka ogumu.
39 Endiga emu onoogiwangayo mu makya, ne ginnaayo n'ogiwaayo
akawungeezi.
40 Endiga esooka onoogiwaayo ne lita bbiri ez'obuwunga obulungi, nga
butabuddwamu lita ng'emu ey'amafuta ge zeyituuni, n'oteekerako ne lita
emu ey'envinnyo nga ky'ekiweebwayo ekyokunywa.
41 Endiga eyookubiri onoogiwaayo akawungeezi awamu n'obuwunga
n'ebyokunywa nga bw'onooba okoze mu makya, ne biryoka bivaamu
akawoowo akalungi akasanyusa ak'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA.
42 "Mu mirembe gyonna egigenda okujja, ekiweebwayo kino ekyokebwa
kinaaweebwangayo eri MUKAMA obutayosa, mu mulyango gw'Eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu. Awo we nnaakusanga ne njogera naawe.

43 Era awo we nnaasisinkana abaana ba Isirayiri, ekifo ekyo ne
kitukuzibwa nga kijjudde ekitiibwa kyange.
44 “Bwe ntyo nnaatukuza Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu n’ekyoto,
era Alooni ne batabani be nabo nnaabatukuza, bampeereze nga bakabona.
45 Bwe ntyo ndyoke mbeere mu baana ba Isirayiri era mbeere Katonda
waabwe.
46 Awo banaamanya nga nze MUKAMA Katonda waabwe, eyabaggya mu
nsi y’e Misiri ndyoke mbeerenga mu bo. Nze MUKAMA Katonda waabwe.”

# 30

## *Ekyoto ky’Obubaane*

1 “Onookola ekyoto mu miti gya akasiya, okwoterezangako obubaane.
2 Kya kwenkanankana, sentimita amakumi ana mu ttaano buli ludda mu
buwanvu ne mu bugazi; era kinaabeera n’obugulumivu bwa sentimita
kyenda. Kubeeko amayembe amakole mu muti ogw’ekyoto nga si
mayungeko buyunzi.
3 Ekyoto okiteekeko zaabu kyonna, waggulu ne mu mbiriizi, ne ku
mayembe. Era kikolereko omuge ogwa zaabu okukyetooloola.
4 Wansi w’omuge, mu mbiriizi z’ekyoto zombi, kolerawo empeta bbiri
eza zaabu, okuyisaamu emisituliro gyakyo nga waliwo gye kitwalibwa.
5 Emisituliro ogikole mu muti gwa akasiya, era ogiteekeko zaabu.
6 Ekyoto kitereeze mu maaso g’eggigi awali essanduuko ey’endagaano,
awali ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira, ekiri ku Ndagaano; awo we
nnaakusisinkana.
7 “Alooni anaayotezanga obubaane buli nkya, bw’anajjanga okulon-
goosa ettaala.
8 Era Alooni bw’anajjanga okukoleeza ettaala akawungeezi, any-
ookezenga obubaane mu maaso ga MUKAMA mu mirembe gyammwe
gyonna.
9 Ku kyoto kino tojja kwoterezaako bubaane bulala, wadde ekiweebwayo
ekyokebwa, newaakubadde eky’eŋŋaano era tojja kufukako ekiweebwayo
eky’ekyokunywa.
10 Alooni anaakolanga omukolo ogw’okulangiririra ku mayembe gaakyo
omulundi gumu mu buli mwaka. Okulongoosa kuno okwa buli mwaka
kunaakolebwanga n’omusaayi ogw’ekiweebwayo olw’ekibi mu mirembe
gyammwe gyonna egigenda okujja. Ekyoto kya MUKAMA kino kitukuvu
nnyo.”

## *Ebiweebwayo mu Weema ya MUKAMA*

11 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti,
12 “Bw’onoobalanga abaana ba Isirayiri, buli gw’onoobalanga anaasasu-
langa omuwendo eri MUKAMA olw’okununula obulamu bwe mu kiseera
mw’abaliddwa, kawumpuli aleme okubagwamu.
13 Buli abalibwa ne yeegatta ku bamaze okubalibwa, anaawaangayo
gulaamu mukaaga eri MUKAMA, ng’okubala okw’Awatukuvu okutongole
bwe kuli. Sekeri emu yenkanankana ne gera amakumi abiri. Gulaamu
omukaaga zinaaweebwangayo ng’ekiweebwayo eri MUKAMA.
14 Bonna abeegatta ku bamaze okubalibwa, okuva ku b’emyaka
amakumi abiri egy’obukulu, n’okweyongerayo, anaawaayo ekiweebwayo
ekyo eri MUKAMA.

15 Abagagga tebaawengayo kusussa kitundu kya sekeri, n'omwavu
taawengayo kitatuuka kitundu kya sekeri bwe munaawangayo ekiweeb-
wayo eri MUKAMA olw'okwetangirira obulamu bwammwe.
16 Ensimbi abaana ba Isirayiri ze banaakuwa onoozikozesanga ku
mirimu gy'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Kinaabanga ekijjukizo mu
maaso ga MUKAMA, olw'okwetangirira obulamu bwammwe."

### *Ebbensani Omunaabirwa*

17 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
18 "Onookola ebbensani enaabirwamu nga ya kikomo ne
ky'etuulako nga kya kikomo. Giteeke wakati w'ekyoto n'Eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu; osseemu amazzi.
19 Alooni ne batabani be ge banaakozesanga okunaaba engalo zaabwe
n'ebigere byabwe.
20 Bwe banaabanga bagenda okuyingira mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, banaanaabanga amazzi, baleme okufa. Era
ne bwe banajjanga ku kyoto okuweereza nga bawaayo eri MUKAMA
ekiweebwayo ekyokye n'omuliro,
21 banaanaabanga engalo zaabwe n'ebigere byabwe, baleme okufa. Kino
kinaabanga kiragiro eky'olubeerera eri Alooni n'ezzadde lye emirembe
gyonna."

### *Amafuta ag'Okusiiga*

22 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
23 "Ddira ebyakawoowo bino eby'omuwendo: Kiro mukaaga
ez'omugavu omuyenge omuka, ne kiro ssatu eza kinamoni, ne kiro
ssatu eza kalamu omuwoomerevu;
24 ne kiro mukaaga eza kasiya, ne lita nnya ez'amafuta g'omuzeeyituuni;
ng'ebipimo by'obuzito bw'omu Watukuvu bwe biri.
25 Bino byonna obikolemu amafuta amatukuvu ag'okusiiga, nga bigattik-
ibbwa bulungi ng'ebikoleddwa omutabuzi w'eby'akawoowo, ne galyoka
gabeera amafuta amatukuvu ag'okufukibwangako.
26 Olyoke osiige n'amafuta ago Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
n'Essanduuko ey'Endagaano,
27 n'emmeeza n'ebibeerako byonna, n'ekikondo ky'ettaala n'ebyakyo
byonna, n'ekyoto eky'obubaane,
28 n'ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa n'ebikozesebwako,
n'ebbensani ne kw'etuula.
29 Obyawule bifuuke bitukuvu nnyo, era buli ekinaabikomangako nga
nakyo kifuuka kitukuvu.
30 "Alooni ne batabani be onoobafukako amafuta, obaawule, balyoke
bampeerezenga nga bakabona.
31 Era abaana ba Isirayiri obagambe nti, 'Gano ge ganaabanga amafuta
gange amatukuvu ag'okufukibwangako, mu mirembe gyammwe gyonna.
32 Tegajjanga kufukibwa ku bantu ba bulijjo; era tewabangawo amafuta
amalala agatabulwa mu ngeri eno. Gano matukuvu, era mujjukirenga nti
matukuvu.
33 Omuntu yenna anaakolanga amafuta ga kalifuuwa okufaanana
ne gano, oba anaafukanga gano ku muntu yenna atali kabona,
anaawaŋŋangusibwanga, n'ava mu bantu b'ewaabwe.' "

### *Ebyakaloosa*

34 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ddira ebyakaloosa bino
eby'omuwendo ennyo: sitakite, n'onuka, ne galabano, n'obubaane obuka,
nga byenkanankana obuzito,
35 Okolemu ebyakaloosa eby'omuwendo, bibe ng'ebikoleddwa omukugu
w'ebyakaloosa. Obiteekemu omunnyo bibeere birongoofu era nga
bitukuvu.
36 Onoggyako ekitundu n'okisa ne kifuuka lufufugge,
n'okiteeka okwolekera Essanduuko ey'Endagaano mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, awo we nnaakusisinkananga. Ekyo
kinaabeeranga kitukuvu nnyo, gy'oli.
37 Temwekoleranga ebyakaloosa ebyammwe ku bwammwe mu ntabula
eno; bino binaabanga bitukuvu era nga bya MUKAMA.
38 Omuntu yenna alikola ebibifaanana yeesanyuse olw'akaloosa kaabyo,
anaawaŋŋangusibwanga, n'ava mu bantu b'ewaabwe."

# 31

### *Okulondebwa kw'Abakozi*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Laba, nnonze Bezaaleeri mutabani wa Uli, muzzukulu wa Kuuli,
ow'omu kika kya Yuda;
3 era mmujjuzza Omwoyo wa Katonda, n'okumanya, n'obusobozi
n'amagezi mu kukola ebitali bimu ebyemikono
4 okutetenkanya ebintu ebinaakolebwa mu zaabu ne ffeeza n'ekikomo,
nga bwe binaafaanana,
5 okwola amayinja n'okugategeka, n'okwola emiti, era n'okukola byonna
ebyemikono ebya buli ngeri.
6 Ate mmulondeddeko Okoliyaabu mutabani wa Akisamaki, ow'omu
kika kya Ddaani, okumuyamba.

"Era abakugu abakola ebintu byonna ebya buli ngeri, mbawadde amagezi okukola bino byonna bye nkulagidde:

7 "Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
n'Essanduuko ey'Endagaano n'ekibikkako eky'entebe ey'okusaasira,
awamu n'ebikozesebwa byonna mu Weema,
8 emmeeza n'ebigenderako,
ekikondo ekya zaabu omuka eky'ettaala n'ebigenderako,
n'ekyoto eky'obubaane,
9 n'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa n'ebigenderako,
n'ebbensani ne kw'etuula;
10 n'ebyambalo ebyalukibwa obulungi,
ebyambalo ebitukuvu ebya Alooni, kabona,
n'ebyambalo bya batabani be bye baweererezaamu mu bwakabona;
11 n'amafuta ag'okufukibwa, n'ebyakaloosa akalungi ak'omu Kifo Ekitukuvu.

"Byonna babikole nga bwe nakulagira."

### *Ssabbiiti*

12 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
13 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Munaateekwanga okukuuma Ssab-
biiti zange, kubanga ako ke kabonero akanaabeeranga wakati wammwe

nange mu mirembe gyammwe gyonna, mulyoke mumanye nga Nze
MUKAMA, Nze mbatukuza.
14 “ ‘Munaakuumanga Ssabbiiti, kubanga lunaku lutukuvu. Buli
anaaluweebuulanga waakufa; ne buli anaakolanga omulimu gwonna ku
lunaku olwo waakuggibwa mu bantu be, attibwe.
15 Emirimu ginaakolwanga mu nnaku mukaaga, naye olunaku
olw'omusanvu ye Ssabbiiti ey'okuwummula, lunaku lwa MUKAMA lutukuvu. Buli anaakolanga omulimu ku lunaku lwa Ssabbiiti wa kuttibwa.
16 Noolwekyo abaana ba Isirayiri banaakumanga olunaku lwa Ssabbiiti,
nga balujjukira mu mirembe gyabwe gyonna, ng'endagaano etaggwaawo.
17 Kanaabeeranga kabonero wakati wange n'abaana ba Isirayiri
emirembe gyonna, akalaga nti MUKAMA yakola eggulu n'ensi mu
nnaku mukaaga, ne ku lunaku olw'omusanvu n'alekeraawo okukola,
n'awummula.' ”
18 Awo MUKAMA bwe yamaliriza okwogera ne Musa ku lusozi Sinaayi,
n'awa Musa ebipande bibiri eby'amayinja, eby'Endagaano Katonda gye
yawandiika n'engalo ye, ye kennyini.

# 32

### *Ennyana eya Zaabu*

1 Abantu bwe baalaba nga Musa aluddeyo nnyo ku lusozi, ne
bakuŋŋaanira awali Alooni, ne bamugamba nti, “Jjangu, otukolere
bakatonda abanaatukulembera; kubanga Musa ono eyatuggya mu nsi y'e
Misiri, tetumanyi kimutuuseeko.”
2 Alooni n'abaddamu nti, “Mwambule empeta eza zaabu, bakyala
bammwe, ne batabani bammwe, ne bawala bammwe ze bambadde ku
matu gaabwe, muzindeetere.”
3 Awo abantu bonna ne beenaanulako empeta zaabwe eza zaabu ez'oku
matu, ne bazireetera Alooni.
4 Alooni n'azisaanuusa; zaabu eyavaamu n'agibumbamu ennyana,
ng'agirongoosa n'ekyuma. Ne balyoka boogera nti, “Bano be bakatonda
bo ggwe Isirayiri abaakuggya mu nsi y'e Misiri!”
5 Alooni bwe yalaba ebyo, n'azimba ekyoto mu maaso g'ennyana,
n'alyoka alangirira nti, “Enkya tujja kukolera MUKAMA embaga.”
6 Awo enkeera, abantu ne bazuukuka mu makya, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa, ne baleeta n'ebiweebwayo olw'emirembe; ne batuula
ne balya era ne banywa, ne basituka ne bakola effujjo.
7 MUKAMA n'agamba Musa nti, “Serengeta, kubanga abantu bo be
waggya mu nsi ey'e Misiri boonoonye;
8 bavudde mangu mu kkubo lye nabalagira; beekoledde ennyana
ensaanuuse ne bagisinza, ne bagireetera ebiweebwayo, ne boogera nti,
‘Bano be bakatonda bo, ggwe Isirayiri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri!' ”
9 MUKAMA n'agamba Musa nti, “Abantu bano mbalabye, era ndabye nga
bakakanyavu.
10 Kale, kaakano ndeka obusungu bwange bubabuubuukireko, mbazikirize; kyokka ggwe ndikufuula eggwanga ekkulu.”

### *Musa Yeegayirira Katonda*

11 Naye Musa ne yeegayirira MUKAMA Katonda we, n'agamba nti, “Lwaki
obusungu bwo bubuubuukira abantu bo be waggya mu nsi y'e Misiri
n'obuyinza, awamu n'omukono gwo ogw'amaanyi?

[12] Lwaki okwogeza Abamisiri nti, 'Yabatwala ng'agenderedde kubakola
kabi, abattire mu nsozi, abazikirize, bave ku nsi?' Nyiigulukuka, obusungu
obubuubuuka bukuveeko, oleme kuleeta bulabe ku bantu bo.
[13] Jjukira abaweereza bo Ibulayimu, ne Isaaka, ne Isirayiri, be
walayirira ggwe kennyini, n'obagamba nti, 'Ndyaza bazzukulu bammwe
ng'emmunyeenye ez'oku ggulu, era n'ensi eno gye mbasuubizza ndigiwa
bazzukulu bammwe, era eribeera omugabo gwammwe ennaku zonna.' "
[14] MUKAMA akabi ke yali ategese okukola abantu be n'atakaleeta.

### *Musa Azikiriza Ennyana*

[15] Awo Musa n'aserengeta okuva ku lusozi ng'akutte mu mikono gye
ebipande ebibiri eby'Endagaano, nga biwandiikiddwako ku njuyi zombi.
[16] Ebipande byakolebwa Katonda, n'ebiwandiike ebyaliko byali bya
Katonda, nga ye yabisala ku bipande ebyo.
[17] Yoswa bwe yawulira oluyoogaano lw'abantu nga baleekaana,
n'agamba Musa nti, "Mu lusiisira eriyo okuyoogaana ng'okw'olutalo."
[18] Naye n'amuddamu nti,
"Siwulira maloboozi galeekaana olw'obuwanguzi,
oba amaloboozi g'okwaziirana olw'okuwangulwa,
naye maloboozi ga kuyimba ge mpulira."
[19] Naye Musa bwe yasemberera olusiisira, n'alengera ennyana, n'alaba
n'amazina; obusungu bwe ne bubuubuuka, n'asuula eri ebipande ebyali
mu mikono gye, ne bimenyekera awo wansi w'olusozi.
[20] N'addira ennyana gye baali bakoze n'agyokya mu muliro
n'agisekulasekula, n'agimerungulira ddala ng'olufuufu; olufuufu
n'alumansa ku mazzi n'agawa abaana ba Isirayiri ne baganywa.
[21] Awo Musa n'agamba Alooni nti, "Abantu bano baakukoze ki,
n'obaleetera okwonoona ennyo bwe batyo?"
[22] Alooni n'amuddamu nti, "Tonnyiigira nnyo, mukama wange, naawe
abantu bano obamanyi, ng'emitima gyabwe bwe gyamanyiira okwonoona.
[23] Baŋŋambye nti, 'Tukolere bakatonda abanaatukulembera kubanga
Musa ono eyatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi kimutuuseeko.'
[24] Nange kwe kubagamba nti, 'Buli alina ebya zaabu abyeyambuleko,'
ne babimpa ne mbiteeka mu muliro, ne bivaamu ennyana eno."

### *Abantu Abattibwa Abaleevi*

[25] Awo Musa bwe yalaba ng'abantu basasamadde, nga Alooni yali
abalese ne basasamala, era ng'abalabe baabwe babasekerera,
[26] n'ayimirira mu mulyango gw'olusiisira, n'agamba nti, "Ani ali ku
ludda lwa MUKAMA? Ajje wano we ndi." Awo batabani ba Leevi bonna
ne bakuŋŋaanira w'ali.
[27] N'abagamba nti, "Bw'ati MUKAMA Katonda wa Isirayiri bw'ayogera nti,
'Buli musajja yeesibe ekitala kye mu kiwato kye, muyiteeyite mu nsiisira
okuva ku ludda olumu okutuuka ku ludda olulala, nga buli musajja atta
muganda we ne mukwano gwe, ne muliraanwa we.' "
[28] Abaleevi ne bakola nga Musa bwe yabalagira; era ku lunaku olwo
abantu ng'enkumi ssatu ne battibwa.
[29] Awo Musa n'agamba nti, "Mwawuddwa leero eri MUKAMA, bwe musse
buli omu mutabani we, era ne muganda we; MUKAMA abawadde omukisa
ku lunaku lwa leero."
[30] Enkeera Musa n'agamba abantu nti, "Mwonoonye nnyo. Naye nze ka
ŋŋende eri MUKAMA ndabe obanga nnaatangiririra ekibi kyammwe."

31 Bw'atyo Musa n'addayo eri MUKAMA, n'agamba nti, "Kitalo! Abantu
bano nga boonoonye nnyo; bwe beekoledde bakatonda aba zaabu!
32 Bw'oba osiima basonyiwe ekibi kyabwe; naye bwe kitaba kityo,
nkwegayirira onsangule mu kitabo kyo ky'owandiise."
33 Naye MUKAMA n'agamba Musa nti, "Oyo yekka ankozeeko ekibi gwe
ndisangula mu kitabo kyange.
34 Kaakano genda otwale abantu mu kifo ekyo kye nakutegeeza; era,
laba, malayika wange ajja kukukulembera. Naye ekiseera nga kituuse
okubabonereza ndibabonerereza ddala olw'ekibi kyabwe."
35 Awo MUKAMA n'aleetera abantu kawumpuli, kubanga beekolera
ennyana, Alooni gye yababumbira.

# 33

*Okuzza Obuggya Endagaano*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Vva mu kifo kino ogende, ggwe
n'abantu be waggya mu nsi y'e Misiri, olage mu nsi gye nalayirira
Ibulayimu ne Isaaka, ne Yakobo, nga njogera nti, 'Ndigiwa bazzukulu
bammwe.'
2 Ndiweereza malayika abakulemberenga; era ndigobamu Abakanani,
n'Abamoli, n'Abakiiti, n'Abaperezi, n'Abakiivi n'Abayebusi.
3 Yambuka mu nsi ekulukutiramu amata n'omubisi gw'enjuki. Naye sijja
kugenda nammwe; sirwa kubazikiririza mu kkubo, kubanga muli bantu
ab'ensingo enkakanyavu."
4 Abantu bwe baawulira amawulire ago ag'ennaku, ne bakungubaga
ne watabaawo ayambala eby'omu matu wadde eby'oku mikono ebyok-
wewoomya.
5 Kubanga MUKAMA yali alagidde Musa nti, "Gamba abaana ba Isirayiri
nti, 'Mulina omutima omukakanyavu, era singa ntambula nammwe
okumala akaseera wadde katono katya, nzija kubazikiriza. Kale
kaakano mweyambulemu ebyokwewoomya byammwe, ndyoke ndabe kye
nnaakola.' "
6 Bwe batyo abaana ba Isirayiri ne beeyambulamu eby'obugagga
byabwe nga bali ku lusozi Kolebu.
7 Kale, Musa yaddiranga eweema n'agisimba ebweru w'olusiisira,
ewala ddala n'olusiisira; n'agiyita Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
Ne buli eyeetaaganga MUKAMA, ng'agenda awali Eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, eyali ebweru w'olusiisira.
8 Era buli Musa lwe yafulumanga n'alaga eri Eweema, abantu bonna
nga bayimirira mu miryango gy'eweema zaabwe ne batunuulira Musa
okutuusa lwe yayingiranga mu Weema.
9 Musa bwe yayingiranga mu Weema, empagi ey'ekire n'ekka
n'eyimirira mu mulyango gw'Eweema; MUKAMA n'alyoka ayogera ne
Musa.
10 Abantu bwe baalabanga ng'empagi ey'ekire eyimiridde mu mulyango
gw'Eweema, bonna ne basituka ne basinza, buli omu mu mulyango
gw'eweema ye.
11 Bw'atyo MUKAMA bwe yayogeranga ne Musa nga batunulaganye,
ng'omuntu bw'ayogera ne mukwano gwe. Musa bwe yaddangayo mu
lusiisira, omuweereza we, omuvubuka Yoswa mutabani wa Nuuni, ye
n'asigalayo mu Weema.

*Musa Atunuulira Ekitiibwa kya MUKAMA*

12 Musa n'agamba MUKAMA nti, "Obadde ontegeeza nti, 'Kulembera
abantu bano,' naye omuntu gw'onontuma naye tomuntegeezezza. Ogam-
bye nti, 'Nkumanyi awamu n'erinnya lyo, era onsanyusizza.'
13 Obanga nkusanyusizza, njigiriza amakubo go ndyoke nkumanye era
nneeyongeranga okukusanyusa. Jjukira nti eggwanga lino be bantu bo."
14 MUKAMA n'addamu nti, "Nnaagendanga naawe, era nnaakuwum-
muzanga."
15 Musa n'amugamba nti, "Obanga toogende naffe, totuggya wano.
16 Kale abantu balitegeerera ku ki nga Nkusanyusizza, nze n'abantu bo?
Si lwa kubanga onooba ogenze naffe, ne tuba ba njawulo, nze n'abantu
bo, nga twawukana ku bantu bonna ab'oku nsi?"
17 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Nzija kukola ekyo kyennyini
ky'osabye; onsanyusizza, era nkumanyi awamu n'erinnya lyo."
18 Musa n'agamba nti, "Nkwegayiridde, ndaga ekitiibwa kyo."
19 MUKAMA n'agamba nti, "Nzija kuggyayo obulungi bwange bwonna nga
mbuyisa mu maaso go. Era nzija kukutegeeza erinnya lyange, MUKAMA.
Buli gwe nnaayagalanga okukwatirwa ekisa, nnaamukwatirwanga ekisa,
ne buli gwe nnaayagalanga okusaasira nnaamusaasiranga."
20 Era n'agamba nti, "Naye toyinza kulaba maaso gange, kubanga tewali
muntu antunulako n'aba mulamu."
21 MUKAMA n'agamba nti, "Waliwo wano okumpi nange ekifo ku lwazi
kw'onooyimirira.
22 Ekitiibwa kyange bwe kinaaba kiyitawo, nnaakuteeka mu mpataanya
mu lwazi, ne nkubikkako omukono gwange okutuusa lwe nnaamala
okuyitawo.
23 Oluvannyuma omukono gwange nnaaguggyawo, n'olaba amabega
gange; naye tojja kulaba ku maaso gange."

# 34

### *Ebipande eby'Amayinja Ebyokubiri*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Teekateeka ebipande bibiri
eby'amayinja nga biri ebyasooka, nange nnaabiwandiikako ebigambo
ebyali ku bipande ebyasooka bye wamenya.
2 Weetegeke mu makya, ojje mu makya ago olinnye waggulu ku lusozi
Sinaayi, olyoke onneeyanjulire eyo ku ntikko y'olusozi.
3 Tewasaana kubaawo muntu ajja naawe, era ku lusozi wonna wonna
tewasaana kulabikawo muntu n'omu; era n'amagana n'ebisibo by'endiga
tebisaana kuliira mu maaso ga lusozi."
4 Bw'atyo Musa n'atema mu mayinja ebipande bibiri nga bifaanana
nga biri ebyasooka; n'akeera mu makya n'alinnya ku lusozi Sinaayi, nga
MUKAMA bwe yamulagira, ng'asitudde n'ebipande eby'amayinja byombi
mu mikono gye.
5 Awo MUKAMA n'akkira mu kire, n'ayimirira awo ne Musa, n'alangirira
erinnya lye, MUKAMA.
6 MUKAMA n'ayita mu maaso ga Musa n'agamba nti, "Nze MUKAMA,
MUKAMA Katonda alina ekisa n'okusaasira okungi, atasunguwala mangu,
ajjudde obwesigwa n'okwagala okutaggwaawo.
7 Akuuma okwagala eri enkumi n'enkumi asonyiwa ebisobyo byabwe,
n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe. Talema kubonereza oyo asingid-
dwa omusango. Abonereza abaana n'abazzukulu olw'ebisobyo bya

bakadde baabwe n'ebya bajjajjaabwe, okutuukira ddala ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna."

8 Amangwago Musa n'avuunama wansi, n'asinza.

9 N'agamba nti, "Obanga kaakano nkusanyusizza, Ayi Mukama, jjangu,
Mukama, ogende naffe. Newaakubadde ng'abantu bano balina ensingo nkakanyavu, naye tusonyiwe ebyonoono byaffe n'ebibi byaffe, otukkirize tubeere abantu bo ab'obusika bwo."

10 Awo MUKAMA n'addamu nti, "Laba, nkola naawe endagaano. Nzija kukolera mu bantu bo ebyamagero ebitakolwangako mu nsi yonna, wadde mu ggwanga lyonna. Abantu bonna b'oli nabo banaalaba eby'ekitalo MUKAMA by'anaakolera mu ggwe.

### *Okulabula ku Kusinza Ebifaananyi*

11 "Gondera bye nkulagira leero. Nange, gye mulaga, nzija kugobayo Abamoli, n'Abakanani, n'Abakiiti, n'Abaperezi, n'Abakiivi, n'Abayebusi.

12 Kirungi weekuume oleme kukola ndagaano n'abatuuze ab'omu nsi gy'olagamu, kubanga bayinza okubafuukira omutego.

13 Olimenyaamenya ebyoto byabwe, obetente empagi zaabwe, n'otemaatema ebifaananyi byabwe ebibajje bye basinza.

14 Tosinzanga katonda mulala yenna, kubanga Nze MUKAMA, ayitibwa Waabuggya, ndi Katonda wa buggya.

15 "Temukolanga ndagaano ey'okukolagana n'abatuuze b'omu nsi omwo. Kubanga bwe baliba bagoberera bakatonda baabwe, nga bawaayo ssaddaaka, gamba omu ku bo n'abayita, mulirya ku biweebwayo byabwe ebyo.

16 Era bwe muliwasiza batabani bammwe abamu ku bawala baabwe, abawala abo ne bagoberera bakatonda baabwe, balireetera batabani bammwe nabo okukola bwe batyo.

17 "Temwekoleranga bakatonda mu byuma ebisaanuuse.

### *Amateeka ku Mbaga Ennonde*

18 "Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse ogikwatanga. Munaamalanga ennaku musanvu nga mulya emigaati egitali mizimbulukuse, mu kiseera ekyategekebwa mu mwezi gwa Abibu nga bwe nabalagira; kubanga mu mwezi gwa Abibu mwe mwaviira mu Misiri.

19 "Ebiggulanda byonna byange, n'ennume zonna mu magana go embereberye, oba nte oba ndiga.

20 Endogoyi embereberye onoozinunulanga n'endiga, naye nga toginunudde ogimenyanga ensingo n'ogitta. Abaana bo abaggulanda bonna obanunulanga. Era tewabanga ajja gye ndi engalo ensa.

21 "Onookolanga okumala ennaku mukaaga, naye ku lunaku olw'omusanvu n'owummula; ne mu biseera eby'okukabala n'ebyokukungula onoowummulanga.

22 "Onookwatanga Embaga eya Wiiki, n'Embaga ey'Amakungula g'Ebibala Ebibereberye eby'Eŋŋaano, n'Embaga ey'Okuyingiza Amakungula ku nkomerero y'omwaka.

23 Abasajja bonna mu mmwe banaalabikanga awali MUKAMA Katonda, Katonda wa Isirayiri, emirundi esatu mu buli mwaka.

24 Amawanga ŋŋenda kugagobawo wonna we muli, era ndigaziya n'ensalo zammwe. So tewalibaawo ayagala kutwala nsi yammwe nga mwambuse okulabika awali MUKAMA Katonda wammwe emirundi egyo esatu mu mwaka.

25 “Temuwangayo kintu kyonna gye ndi ekirimu ekizimbulukusa nga
mundeetedde ssaddaaka erimu omusaayi; era ennyama ya ssaddaaka
ey’Embaga y’Okuyitako tesigalangawo kutuusa nkeera.
26 “Ebibala ebisinga obulungi mu ebyo ebisoose okuva mu ttaka lyo
obitwalanga mu nnyumba ya MUKAMA Katonda wo.

“Omwana gw’embuzi togufumbiranga mu mata ga nnyina waagwo.”

27 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti, “Wandiika ebigambo ebyo; kubanga
nkoze endagaano naawe era ne Isirayiri ng’ebigambo ebyo bwe bigamba.”
28 Musa n’abeera eyo ne MUKAMA, n’amalayo emisana amakumi
ana n’ebiro amakumi ana, nga talya mmere wadde okunywa amazzi.
N’awandiika ku bipande ebigambo eby’Endagaano, ge Mateeka Ekkumi.

### *Amaaso ga Musa Agamasamasa*

29 Musa bwe yaserengeta okuva ku lusozi Sinaayi ng’akutte mu ngalo
ze ebipande byombi eby’Endagaano, teyakimanya ng’obwenyi bwe bwali
bumasamasa kubanga yali ayogedde ne MUKAMA.
30 Era Alooni n’abaana ba Isirayiri bonna bwe baatunula ku Musa, ne
balaba ng’obwenyi bwe bumasamasa; ne batya okumusemberera.
31 Naye Musa n’abayita; bw’atyo Alooni n’abakulembeze b’abantu ne
bajja gy’ali, Musa n’ayogera nabo.
32 Oluvannyuma abaana ba Isirayiri bonna ne basembera, n’abategeeza
amateeka gonna MUKAMA ge yamulagira ku lusozi Sinaayi.
33 Awo Musa bwe yamala okwogera nabo, n’abikka obwenyi bwe
olugoye.
34 Naye Musa bwe yabanga agenda awali MUKAMA okwogera naye,
ng’olugoye olubikka obwenyi bwe alwebikkula okutuusa lwe yavan-
gayo. Bwe yakomangawo okutegeeza abaana ba Isirayiri MUKAMA
by’amulagidde,
35 baalabanga obwenyi bwe nga bumasamasa. Bw’atyo Musa ne
yezzaako olugoye olubikka obwenyi bwe, okutuusa lwe yaddangayo eri
MUKAMA okwogera naye.

## 35

### *Ebiragiro bya Ssabbiiti*

1 Awo Musa n’akuŋŋaanya ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri,
n’abagamba nti, “Bino bye bintu MUKAMA by’abalagidde okukola.
2 Munaakolanga emirimu mu nnaku omukaaga; naye olunaku
olw’omusanvu lunaabanga Lwassabbiiti, lutukuvu, munaaluwummu-
langa awali MUKAMA. Buli anaakoleranga omulimu ku lunaku olwo
anattibwanga.
3 Temukumanga muliro mu nnyumba zammwe ku lunaku Lwassabbiiti.”

### *Ekiragiro ky’Eweema ya MUKAMA*

4 Musa n’agamba ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri nti, “Kino
MUKAMA ky’alagidde.
5 Mutoole ku bye mulina muweeyo eri MUKAMA. Buli omu aweeyo, nga
bw’ayagala mu mutima gwe ebiweebwayo eri MUKAMA:

“zaabu, ne ffeeza, n’ekikomo;
6 n’olugoye olwa bbululu, n’olwa kakobe, n’olumyufu, n’olugoye olwa
linena erangiddwa mu wuzi ennungi;
n’obwoya bw’embuzi,

7 n'amaliba g'endiga ennume amakunye amannyike mu langi emyufu, n'ekika ky'eddiba ekirala ekiwangaazi;
n'embaawo z'omuti gwa akasiya,
8 n'amafuta g'ettaala,
n'ebyakaloosa eby'okukozesa mu mafuta ag'okwawula, ne mu bubaane obw'okunyookeza,
9 n'amayinja aga onuku n'amayinja amalala ag'omuwendo, ag'okutona ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi era ne ku kyomukifuba.

10 "Abo bonna mu mmwe abakugu mu kukola, muveeyo mujje mukole
ebyo byonna MUKAMA by'atulagidde:

11 "Eweema ya MUKAMA Omukuŋŋaanirwa n'olugoye lwayo n'ekibikkako, n'ebisiba, n'embaawo, n'emikiikiro, n'empagi zaayo, n'ebituurwamu;
12 essanduuko ey'Endagaano n'emisituliro gyayo, n'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira, n'eggigi erigisiikiriza;
13 emmeeza n'emisituliro gyayo ne byonna ebigibeerako, n'emigaati gya egy'Okulaga;
14 ekikondo ky'ettaala n'ebigenderako, ettaala n'amafuta gaazo;
15 ekyoto eky'okwoterezaamu obubaane n'emisituliro gyakyo; amafuta ag'okwawula, n'obubaane obw'akawoowo;
olutimbe olw'omu mulyango oguyingira mu Weema ya MUKAMA;
16 ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo; emisituliro gyakyo ne byonna ebikozeserwako;
ebbensani ey'ekikomo ne ky'etuulako;
17 entimbe ez'oku bisenge eby'omu luggya n'empagi zaazo ne mwe zituula; n'olutimbe olw'omu mulyango ogulaga mu luggya;
18 enkondo z'eweema n'ez'omu luggya n'emiguwa gyazo;
19 ebyambalo ebiruke ebyambalwa mu kuweereza mu Kifo Ekitukuvu, bye byambalo ebitukuvu ebya Alooni kabona, n'ebyambalo bya batabani be bye bakozesa mu bwakabona nga baweereza."

### *Abantu Baleeta Ebirabo Byabwe*

20 Awo abantu bonna ab'ekibiina ky'abaana ba Isirayiri ne bava awali
Musa ne bagenda.
21 Buli eyayagala, era ng'omwoyo gwe bwe gwamukubiriza,
n'awaayo eri MUKAMA eby'okukozesa Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu
n'ebikozesebwamu byonna, n'eby'okukozesa ebyambalo ebitukuvu.
22 Abasajja n'abakazi bonna abaayagala mu mitima gyabwe ne bajja; ne
baleeta ebikwaso eby'omuwendo, empeta ez'omu matu, n'empeta ez'oku
ngalo, n'ebikomo, n'ebirala ebya zaabu ebitali bimu; buli muntu n'awaayo
ekirabo ekya zaabu eri MUKAMA.
23 Era buli muntu eyalina olugoye olwa bbululu, oba olwa kakobe, oba
olumyufu, oba olwa linena ennungi, oba olw'obwoya bw'embuzi; oba
amaliba amakunye ag'endiga ensajja oba ag'embuzi, byonna ne babireeta.
24 Buli omu eyalina eky'okuwaayo ekya ffeeza oba eky'ekikomo,
yakireeta n'akiwaayo eri MUKAMA; era na buli musajja eyalina ol-
ubaawo olwa akasiya nga luyinza okugasa mu mulimu ogwali gukolebwa,
yaluleeta n'aluwaayo.

[25] Abakazi bonna abaali bamanyi ennyo okulanga ewuzi, ne balanga n'engalo zaabwe ewuzi eza bbululu, n'eza kakobe, n'emyufu n'eza linena omuyonde obulungi, ne bazireeta ne baziwaayo.
[26] Era n'abakazi bonna abaali abakugu era nga beeyagalidde, ne balanga ewuzi mu bwoya bw'embuzi.
[27] Awo abakulembeze ne baleeta amayinja aga onuku, n'amayinja amalala ag'omuwendo, gasalibwe galyoke gatonebwe ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi ne ku ky'omu kifuba.
[28] Era ne baleeta n'ebyakaloosa, n'amafuta g'ettaala, n'amafuta ag'okwawula n'okukozesa ku bubaane.
[29] Abaana ba Isirayiri bonna, abasajja n'abakazi, abaalina omutima ogwagala okuleeta ekintu kyonna olw'omulimu MUKAMA gwe yali alagidde Musa okukolebwa, ne bakireeta ng'ekiweebwayo kyabwe kye baawaayo eri MUKAMA nga beesiimidde.

*Bezaaleeri ne Okoliyaabu n'abakozi*

[30] Awo Musa n'agamba abaana ba Isirayiri nti, "Muwulire. MUKAMA alonze Bezaaleeri mutabani wa Uli, muzzukulu wa Kuuli, ow'omu kika kya Yuda.
[31] MUKAMA amujjuzza Omwoyo we, n'obusobozi, n'amagezi, n'okuteteenkanya, n'okutegeera, awamu n'obukozi obwa buli ngeri;
[32] ayiiye amajjolobera ag'okukolebwa mu zaabu ne ffeeza ne mu kikomo;
[33] era n'ag'okusalwa mu mayinja ag'okutona, era n'ag'okwolebwa mu miti, n'okukola buli ngeri yonna ey'amagezi.
[34] Era ye ne Okoliyaabu mutabani wa Akisamaki ow'omu kika kya Ddaani, MUKAMA abawadde obusobozi okuyigiriza abalala.
[35] Abajjuzza amagezi ag'obukugu mu mitima gyabwe okukola eby'emikono ebya buli ngeri ng'ebikolebwa abayiiya amajjolobera, oba abasala amayinja, oba abatunzi b'emidalizo n'ebimuli mu wuzi eza bbululu, n'eza kakobe n'emyufu mu bitambaala ebya linena omulungi, oba abalusi, oba abakugu abakola ebintu byonna ebya buli ngeri n'abatetenkanya amajjolobera."

# 36

[1] "Bezaaleeri ne Okoliyaabu ne buli musajja mukugu yenna, MUKAMA gw'awadde obusobozi n'amagezi okumanya okukola omulimu gwonna ku kuzimba eweema ya MUKAMA, bajja kukola nga MUKAMA bw'alagidde."
[2] Awo Musa n'ayita Bezaaleeri ne Okoliyaabu, ne buli mukugu yenna MUKAMA gwe yali awadde amagezi n'obusobozi, era nga yeeyagalidde yekka okukola.
[3] Musa n'abakwasa ebirabo byonna abaana ba Isirayiri bye baali batonedde MUKAMA nga bwe baali beeyagalidde eby'okukozesa eweema ya MUKAMA. Abantu ne bongera okuleeta ku byabwe ebya kyeyagalire buli nkya.
[4] Awo abakozi bali abakugu abaali bakola eweema ya MUKAMA ne bava ku mirimu gyabwe,
[5] ne bajja eri Musa ne bamugamba nti, "Ebirabo abantu bye baleese bisukkiridde obungi ku ebyo ebyetaagibwa okumala omulimu MUKAMA gwe yalagira okukolebwa."
[6] Awo Musa n'awa ekiragiro ne kibunyisibwa mu lusiisira lwonna nti, "Tewabaawo musajja oba mukazi ayongera okuleeta ekiweebwayo

olw'omulimu gw'Eweema ya MUKAMA." Bwe batyo abantu ne bagaanibwa okwongera okuwaayo;

7 kubanga ebyo abakozi bye baalina byali bimala omulimu ogwo era n'okufikkawo.

### *Eweema ya MUKAMA Ekolebwa*

8 Awo bannakinku bonna mu basajja abakozi ne bakola Eweema ya
MUKAMA n'emitanda kkumi egya linena omunyoole omulungi ennyo,
nga mulimu n'ebya bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne bakerubi nga
batungiddwamu n'amagezi mangi.
9 Emitanda gyonna gyali gyenkanankana; ng'omutanda ogumu guweza
obuwanvu mita kkumi na bbiri n'ekitundu, ate obugazi mita emu ne
desimoolo munaana.
10 Baagatta emitanda etaano nga bagisengese, gumu ku gunnaagwo,
n'emitanda emirala etaano nagyo ne bagigatta bwe batyo.
11 Ne batunga eŋŋango eza bbululu ku mukugiro gw'omutanda
gw'entimbe ogukomererayo mu kitundu ekimu eky'entimbe etaano, era
ne batunga n'eŋŋango endala mu ngeri y'emu ku ludda olulala.
12 Baatunga eŋŋango amakumi ataano ku mutanda ogumu, era ne
batunga eŋŋango endala amakumi ataano ku mukugiro gw'omutanda ku
ludda olulala, eŋŋango nga zoolekaganye.
13 Ne bakola ebikwaso ebya zaabu amakumi ataano, ne bakwasa wamu
enjuuyi zombi ez'emitanda n'ebikwaso; Eweema n'ebeera wamu nga
nnamba.
14 Ne bakola entimbe kkumi na lumu nga zirukiddwa mu bwoya
bw'embuzi ne bazibikka ku Weema.
15 Entimbe zonna ekkumi n'olumu zaali zenkanankana: ng'obuwanvu
mita kkumi na ssatu n'ekitundu, obugazi zaali mita emu n'obutundu
munaana.
16 Ne bagatta entimbe ttaano wamu ku bwazo, n'entimbe omukaaga
nazo ne bazigatta ku bwazo.
17 Ne batunga eŋŋango amakumi ataano ku mukugiro gw'entimbe
ekomererayo ku bwazo, n'eŋŋango amakumi ataano endala ku mukugiro
gw'entimbe omulala ku bwazo.
18 Ne bakola ebikwaso eby'ekikomo amakumi ataano, ne babiyisa mu
ŋŋango okunyweza enjuuyi zombi ez'entimbe ezo ng'ekintu ekimu.
19 Ne bakola ekibikka ku Weema mu maliba g'endiga ennume nga
gannyikiddwa mu langi emyufu; okwo ne babikkako amaliba g'ente
ey'omu nnyanja.
20 Awo ne babajja embaawo mu muti gwa akasiya ne baziyimiriza ne
zikola entobo ya Weema.
21 Buli lubaawo lwali mita nnya n'ekitundu obuwanvu, ate ng'obugazi
zaali sentimita nkaaga mu musanvu.
22 Buli lubaawo baaluteekako obubaawo obuyiseemu bubiri,
obw'okukozesa mu kugatta, nga bulekawo amabanga agenkanankana.
Embaawo zonna ez'entobo ya Weema bwe baazikola bwe batyo.
23 Baakola embaawo amakumi abiri ne bazissa ku ludda
olw'obukiikaddyo obw'Eweema,
24 era ne bakola obubya obutono obwa ffeeza amakumi ana, ne babussa
wansi w'obubaawo obuyiseemu obubiri ku buli lubaawo.
25 Ate ku ludda olw'obukiikakkono olw'Eweema ne bakolerayo em-
baawo amakumi abiri,

26 n'entobo eza ffeeza amakumi ana, bbiri nga ziri wansi wa buli
lubaawo.
27 Ne bakola embaawo mukaaga, ne baziteeka ku ludda olw'emabega
wa Weema, lwe lw'ebugwanjuba;
28 era ne bakola embaawo endala bbiri ne bazissa ku nsonda ez'oku
ludda olwo olw'ebugwanjuba.
29 Ku nsonda zino ebbiri, embaawo zombi baazisiba wamu na-
bansasaana okuviira ddala wansi okutuuka waggulu, ne bazinyweza
n'empeta.
30 Noolwekyo waaliwo embaawo munaana, n'entobo eza ffeeza kkumi
na mukaaga, nga buli lubaawo wansi waalwo eriyo bbiri bbiri.
31 Ne bakola emikiikiro mu muti gwa akasiya. Emikiikiro etaano ne
bagikozesa ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olumu,
32 n'emikiikiro etaano ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olulala,
n'emikiikiro etaano ne bagikozesa ku mbaawo eziri ku ludda olw'emabega
wa Weema olw'ebugwanjuba.
33 Ne bassaayo omulabba nga guyita wakati w'embaawo nga guva ku
ludda olumu okutuuka ku ludda olulala.
34 Embaawo ne bazibikkako zaabu, era ne bakola empeta eza zaabu ne
bazisibisa emikiikiro; n'emikiikiro nagyo ne bagibikkako zaabu.

### *Eggigi Likolebwa*

35 Baakola eggigi mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena
omulebevu omulungi alangiddwa; era omukozi omukugu n'atungiramu
bakerubi.
36 Ne baliwanika n'amalobo aga zaabu ku mpagi nnya ezaabajjibwa mu
muti gwa akasiya, nga zibikkiddwako zaabu, era nga zisimbiddwa mu
ntobo eza ffeeza.
37 Ne bakola olutimbe olw'omu mulyango gwa Weema mu wuzi eza
bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena omulebevu alangiddwa obulungi.
38 Ne balukolera empagi ttaano nga bazibazze mu muti gwa akasiya, ne
baziteekako n'amalobo gaazo. Ne babikka zaabu kungulu ku mpagi ne ku
bisiba byazo. Entobo zaazo ettaano ne bazikola mu kikomo.

## 37

### *Essanduuko ey'Endagaano Ekolebwa*

1 Awo Bezaaleeri n'akola Essanduuko mu muti gwa akasiya;
ng'obuwanvu bwayo mita emu ne desimoolo emu, n'obugazi sentimita
nkaaga mu musanvu, n'obugulumivu nabwo sentimita nkaaga mu
musanvu.
2 N'agibikkako zaabu omuka ennyo kungulu ne munda, era
n'agyetoolooza omuge ogwa zaabu.
3 N'agiweeseza empeta nnya eza zaabu, n'azisiba ku magulu gaayo ana,
ng'empeta ebbiri ziri ku ludda lwayo olumu n'endala ebbiri ku ludda
lwayo olulala.
4 N'abajja emisituliro mu muti ogwa akasiya, n'agibikkako zaabu,
5 n'agisonseka mu mpeta ziri okusituzanga essanduuko.
6 N'akolerako ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira nga kya zaabu omuka
ennyo; obuwanvu bwakyo bwali mita emu ne desimoolo emu, n'obugazi
sentimita nkaaga mu musanvu.
7 N'akolerako ne bakerubi babiri mu zaabu omuweese ku njuyi ebbiri
ez'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira.

8 Kerubi omu yamuteeka ku ludda lumu olw’ekisaanikira, ye ntebe
ey’okusaasira, ne kerubi omulala ku ludda olwokubiri, nga bakerubi
bombi beekutte wamu n’ekisaanikirako, ye ntebe ey’okusaasira.
9 Ebiwaawaatiro bya bakerubi yabikola nga bibikkule nga bisonze wag-
gulu, era nga bisiikirizza ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira. Bakerubi
ne batunulagana nga boolekedde ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira.

### *Emmeeza Ekolebwa*

10 N’akola n’emmeeza mu muti gwa akasiya, obuwanvu bwayo sentimita
kyenda, n’obugazi sentimita amakumi ana mu ttaano, n’obugulumivu
sentimita nkaaga mu musanvu.
11 N’agibikkako zaabu omuka ennyo, era n’agyetoolooza omuge ogwa
zaabu.
12 N’agikolerako olukugiro oluweza sentimita musanvu ne desimoolo
ttaano obugazi, n’omuge ogwa zaabu okwebungulula olukugiro olwo.
13 N’aweesa empeta nnya eza zaabu, n’azisiba mu nsonda ennya awali
amagulu gaayo ana.
14 Empeta ezo yazissa kumpi n’olukugiro ziyisibwemu emisituliro
gy’emmeeza.
15 N’akola emisituliro gy’emmeeza mu muti gwa akasiya, n’agibikkako
zaabu.
16 N’akola mu zaabu omuka, ebikozesebwa eby’okubeeranga ku
mmeeza: essowaani zaako, n’ebijiiko byako, n’ebibya eby’okufukanga
ebiweebwayo eby’okunywa.

### *Ekikondo ky’Ettaala*

17 Yakola ekikondo ky’ettaala nga kya zaabu omuka. Yakiweeseza-
ako entobo yaakyo n’enduli, n’ebikopo ebifaanana ng’ebimuli, amatabi
n’emitunsi n’ebimuli byako; byonna yabiweesa mu kyuma kya zaabu
kimu bulambalamba.
18 Kwaliko amatabi mukaaga agafaanana ng’omutuula emisubbaawa;
amatabi asatu nga gali ku ludda lumu n’amalala asatu nga gali ku ludda
olulala.
19 Ku ttabi erimu kwaliko ebikopo bisatu nga bikoleddwa ng’ebimuli
by’alumondi n’emitunsi n’ebimuli, ate bisatu ne bibeera ku ttabi eddala,
n’ebirala bisatu ne bibeera ku buli limu ku matabi amalala okutuusa
amatabi omukaaga gonna agava ku kikondo ky’ettaala lwe gaabuna.
20 Ku kikondo ky’ettaala kwennyini kwaliko ebikopo bina ebyakolebwa
ng’ebimuli by’alumondi n’emitunsi gyabyo n’ebimuli byako.
21 Omutunsi ogumu gwali wansi w’amatabi abiri agava ku kikondo
ky’ettaala, n’omuntunsi ogwokubiri ne gubeera wansi w’amatabi abiri
agaddirira, n’omutunsi ogwokusatu ne gubeera wansi w’amatabi abiri
agaddako, amatabi gonna omukaaga ne gabuna.
22 Emitunsi n’amatabi gaako yabikola bumu n’ekikondo ky’ettaala mu
zaabu omuweese omuka nga biri wamu.
23 Ekikondo ky’ettaala n’akikolera ettaala musanvu, ne makansi eziko-
mola entambi, n’essowaani ez’okussaako ebisirinza, nga byonna abikoze
mu zaabu omuka.
24 Ekikondo ky’ettaala ne byonna ebigenderako yabikola mu zaabu
omuka eyaweza obuzito bwa kilo amakumi asatu mu nnya.

### *Ekyoto eky’Okwoterezangako Obubaane*

25 Yakola ekyoto, mu miti gy’akasiya, okwoterezangako obubaane,
nga kyenkanankana sentimita amakumi ana mu ttaano buli ludda

mu buwanvu ne mu bugazi; n'obugulumivu bwa sentimita kyenda; n'amayembe gaakyo nga gali mu muti gumu nakyo.

26 Ekyoto yakisiigako zaabu omuka kyonna, waggulu ne mu mbiriizi ne ku mayembe, n'akolerako omuge ogwa zaabu okukyebungulula.

27 Wansi w'omuge mu mbiriizi z'ekyoto zombi, yakolerako empeta bbiri eza zaabu, okuyisangamu emisituliro gyakyo nga wabaddewo gye kitwalibwa.

28 Emisituliro yagikola mu muti gwa akasiya, n'agisiigako zaabu.

29 N'atabula amafuta amatukuvu ag'okwawula, n'ateekateeka obubaane obulongosebbwa ennyo, ng'abutabudde bulungi ng'omukugu mu byakaloosa bwe yandikoze.

# 38

### *Ekyoto eky'Ekiweebwayo Ekyokebwa*

1 Yazimba ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa mu miti gy'akasiya, mita emu ne desimoolo ssatu obugulumivu, ne mita bbiri ne desimoolo ssatu obuwanvu, ate obugazi mita bbiri ne desimoolo ssatu.

2 Ku nsonda zaakyo ennya yakolerako amayembe; ng'ekyoto n'amayembe yabibajja bumu mu nduli y'omuti emu. Ekyoto kyonna n'alyoka akibikkako ekikomo.

3 Ate n'akola eby'okukozesa ku kyoto: ensaka, n'ebisena evvu, n'ebbensani, n'ewuuma z'ennyama, ne fulampeni. Ebyo byonna yabikola mu kikomo.

4 Ekyoto yakikolera ekitindiro eky'obutimba obw'ekikomo, n'akireebeeseza ku mukiikiro gw'ekyoto, n'akissa mu kyoto okutuuka mu makkati gaakyo.

5 N'akola empeta nnya ku nsonda ennya ez'ekitindiro ky'ekikomo nga ze z'okuwanirira emisituliro.

6 Emisituliro gino yagibajja mu muti gwa akasiya, n'agibikkako ekikomo.

7 N'asonseka emisituliro egyo ng'agiyisa mu mpeta mu mbiriizi z'ekyoto, gikozesebwenga ng'ekyoto kisitulwa. Yakikola n'embaawo nga wakati kya muwulukwa.

8 N'akola ebbensani ey'ekikomo n'akameeza kaayo, bye yaweesa okuva mu ndabirwamu ez'ekikomo ezaagabwa abakazi abaaweerezanga ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.

### *Oluggya lw'Eweema ya Mukama*

9 Ekyaddirira, yakola oluggya. Ku luuyi olw'obukiikaddyo, oluggya lwali obuwanvu mita amakumi ana mu mukaaga, nga lulina amagigi aga linena omulungi omulebevu alangiddwa,

10 n'ebikondo amakumi abiri, n'entobo mwe bituula ez'ekikomo amakumi abiri, nga kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro egya ffeeza.

11 Ne ku luuyi olw'obukiikakkono oluggya lwali obuwanvu mita ana mu mukaaga, n'ebikondo amakumi abiri, n'ebikolo byabyo mwe bituula eby'ekikomo amakumi abiri, nga ku bikondo kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro gyako gyali gya ffeeza.

12 Ku luuyi olw'ebugwanjuba oluggya lwali lwa mita amakumi abiri mu bbiri, ne desimoolo ttaano nga luliko entimbe, n'ebikondo kkumi, n'entobo kkumi; n'amalobo n'emikiikiro nga bya ffeeza.

13 Ne ku luuyi olw'ebuvanjuba oluggya lwali obugazi mita amakumi abiri mu bbiri n'obutundu butaano.

14 Ku ludda olumu olw'omulyango kwaliko amagigi obuwanvu mita
mukaaga n'obutundu munaana, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu.
15 Ne ku ludda olulala olw'omulyango nakwo kwaliko entimbe
obuwanvu mita mukaaga n'obutundu munaana, era n'ebikondo bisatu
n'entobo zaabyo ssatu.
16 Entimbe zonna okwebungulula oluggya zaali za linena omulungi
omulebevu alangiddwa.
17 Entobo z'ebikondo zaali za kikomo, naye amalobo n'emikiikiro gyako
nga bya ffeeza, ne ku mitwe gyabyo nga kubikkiddwako ffeeza; bwe bityo
ebikondo byonna eby'omu luggya byaliko emikiikiro gya ffeeza.
18 Olutimbe olw'omu mulyango gw'oluggya lwakolebwa mu linena omu-
lungi omulebevu alangiddwa obulungi, nga lutungiddwamu amajjolobera
mu wuzi eza bbululu, ne kakobe ne myufu. Lwali luweza obuwanvu
mita mwenda n'obugulumivu mita bbiri n'obutundu busatu, ng'entimbe
ez'oluggya bwe zaali.
19 Lwalina empagi nnya, n'entobo zaazo nnya nga za kikomo, n'amalobo
gaazo n'emikiikiro nga bya ffeeza, ne kungulu kwonna ne kubikkibwako
ffeeza.
20 Enkondo zonna ez'Eweema n'okwebungulula oluggya zaali za kikomo.

### *Ebyakozesebwa ku Weema ya MUKAMA*

21 Bino bye bintu byonna ebyakozesebwa ku Weema, Eweema ya
MUKAMA ey'Obujulizi, nga Musa bwe yalagira okubibala bikozesebwe
Abaleevi nga balabirirwa Isamaali mutabani wa Alooni kabona.
22 Bezaaleeri, mutabani wa Uli muzzukulu wa Kuuli, ow'omu kika kya
Yuda, n'akola ebyo byonna MUKAMA bye yalagira Musa;
23 baakolera wamu ne Okoliyaabu, mutabani wa Akisamaki ow'omu
kika kya Ddaani, eyali omukugu ennyo mu kwola ne mu kutetenkanya,
n'okutunga amajjolobera mu linena ennungi endebevu ennange n'ewuzi
eza bbululu ne kakobe ne myufu.
24 Zaabu yenna eyali aweereddwayo eri MUKAMA, eyakozesebwa mu
kuzimba ekifo ekitukuvu, yali nga ttani emu, ng'okupima kw'Awatukuvu
okutongole bwe kuli.
25 Ne ffeeza eyaweebwayo abaabalibwa nga bava mu kibiina mu
kubala abantu, yali wa kilo enkumi ssatu mu ebikumi bina, ng'okupima
kw'Awatukuvu okutongole bwe kuli.
26 Noolwekyo, buli muntu yawangayo gulaamu ttaano ne desimoolo
ttaano ng'okupima kw'Awatukuvu okutongole bwe kuli ng'aweebwayo
abo abaabalibwa nga bava ku myaka egy'obukulu amakumi abiri
n'okweyongerayo, bonna baawera abasajja obusiriivu mukaaga mu
enkumi ssatu mu bitaano mu ataano.
27 Ffeeza ow'obuzito bwa kilo enkumi ssatu mu ebikumi bina ye
yasaanuusibwa okukolamu entobo ekikumi ez'Awatukuvu n'eggigi: nool-
wekyo, nga buli kilo amakumi asatu mu nnya zikola entobo emu.
28 Kilo amakumi asatu ezaasigalawo zaakolwamu amalobo ag'oku
bikondo n'emikiikiro gyabyo, n'okubikka ku mitwe gy'ebikondo.
29 Ekikomo ekyaweebwayo eri MUKAMA olw'ekiweebwayo ekiwuubibwa
kyali kilo enkumi bbiri mu ebikumi bina.
30 Omwo Bezaaleeri mwe yakola ekituurwamu eky'omulyango
gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, n'ekyoto eky'ekikomo,
n'ekitindiro eky'obutimba eky'ekikomo, n'ebikozesebwa ebirala byonna
eby'ekyoto,

31 n'ekituurwamu okwebungulula oluggya, n'ekituurwamu
eky'omulyango omunene ogw'oluggya, n'enkondo zonna ez'Eweema,
n'enkondo zonna okwebungulula oluggya.

# 39

*Ebyambalo by'Obwakabona*

1 Awo ne bakola, mu wuzi eza bbululu; ne kakobe ne myufu, ebyambalo
ebirukiddwa obulungi eby'okuweererezangamu mu Kifo Ekitukuvu. Ne
bakolera ne Alooni ebyambalo ebitukuvu, nga MUKAMA bwe yalagira
Musa.

*Ekkanzu ey'obwakabona Ennyimpi Eyitibwa Efodi*

2 Awo ne bakola ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi mu wuzi eza
zaabu, ne bbululu, ne kakobe ne myufu, ne linena omulebevu omulange.
3 Ne baweesa zaabu ey'oluwewere, ne bagisala obulere ne babukozesa
awamu n'ewuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena omule-
bevu omulungi omulange, nga bikoleddwa mu majjolobera agakoleddwa
n'obukugu.
4 Ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi ne bagikolera
eby'okubibegabega bibiri nga bitungiddwa w'ekoma, n'egattibwa bulungi.
5 Ne bakola omusipi gwayo n'amagezi mangi ng'agaakola ekkanzu
ey'obwakabona, n'ebyakozesebwa nga bye bimu. Ewuzi nga za zaabu,
ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa; nga
MUKAMA bwe yalagira Musa.
6 Ne baddira amayinja ga onuku ne bagakwasiza mu mapeesa aga zaabu,
ng'amayinja gawandiikiddwako, ng'empeta bw'ewandiikwako, amannya
g'abaana ba Isirayiri.
7 Ne bagakwasiza ku byokubibegabega eby'ekkanzu ey'obwakabona
eyitibwa efodi, okubeeranga amayinja g'ekijjukizo ky'abaana ba Isirayiri;
nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

*Ekyomukifuba*

8 Ne bakola ekyomukifuba, nga mulimu gwa kikugu ng'ogw'ekkanzu
ey'obwakabona eyitibwa efodi, mu wuzi za zaabu, ne bbululu, ne kakobe
ne myufu ne linena omulebevu omulange.
9 Kyali kyenkanankana, buli ludda sentimita amakumi abiri mu bbiri ne
desimoolo ttaano nga kimaze okuwetebwamu wakati.
10 Ne batungirako ennyiriri nnya ez'amayinja ag'omuwendo omungi.
Mu lunyiriri olusooka bassaamu amayinja: sadiyo, ne topazi, ne kaa-
bankulo;
11 ne mu lunyiriri olwokubiri bassaamu amayinja: nnawandagala, ne
safiro ne alimaasi;
12 ne mu lunyiriri olwokusatu bassaamu amayinja: jasinta, ne ageti, ne
amesusito;
13 ne mu lunyiriri olwokuna bassaamu amayinja: berulo, ne onuku, ne
yasipero; ne gategekebwa mu fuleemu eya zaabu.
14 Waaliwo amayinja ag'omuwendo kkumi n'abiri, nga ku buli limu
kusaliddwako erimu ku mannya g'abaana ba Isirayiri. Gaasalibwa
bulungi ng'obubonero obuwoolebwa nga ku buli limu kuliko erinnya
lyako okumalirayo ddala amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri.
15 Ku kyomukifuba baakolerako enjegere ennange ng'emiguwa, nga za
zaabu omuka;

16 ne bakola fuleemu bbiri eza zaabu n'empeta bbiri eza zaabu; ne bassa
empeta ezo zombi ku mikugiro ebiri egy'ekyomu kifuba.
17 Ne bayisa enjegere ebbiri mu mpeta ebbiri ezaali ku mikugiro
gy'eky'omu kifuba.
18 Ne baddira enjuuyi ebbiri ezaasigalawo ez'enjegere ne bazikwasiza ku
fuleemu ebbiri, ne bazinywereza mu maaso g'eby'okubibegabega byombi
eby'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi.
19 Era baakola empeta bbiri eza zaabu ne bazitunga ku mikugiro
ebiri egy'ekyomu kifuba ku luuyi olw'omunda olwali luliraanye ekkanzu
ey'obwakabona eya efodi.
20 Ne bakolayo empeta endala bbiri eza zaabu ne baziteeka mu maaso
mu bitundu byombi ebya wansi eby'eby'okubibegabega eby'ekkanzu
ey'obwakabona eya efodi, wagguluko okumpi n'oluzizi lw'omusipi
lw'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi.
21 Baasiba empeta ez'oku kyomukifuba wamu n'empeta z'ekkanzu
ey'obwakabona eya efodi n'akaguwa aka bbululu, ne bakagatta n'omusipi
ekyomukifuba kireme kutaggulukuka ku kkanzu ey'obwakabona eya
efodi. Byakolebwa nga Mukama bwe yalagira Musa.

### *Ebyambalo eby'Obwakabona Ebirala*

22 Baakola ekyambalo eky'omunda mu kkanzu ey'obwakabona eya
efodi, nga kiruke era nga kya bbululu kyonna.
23 Ne bassa ekituli wakati mu kyambalo omw'okuyisa omutwe. Ku kituli
ekyo ne beetooloozaako omuge omuyonde ng'omuleera kireme okuyulika.
24 Okwetooloola ebirenge by'ekyambalo ekyo wansi ne batungayo
amajjolobera mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena
omulebevu omulange obulungi.
25 Era ne bakola n'obude obwa zaabu omuka, ne bagenda nga babuto-
beka mu majjolobera;
26 baatunga amajjolobera ne baddirizaako akade, ate ne batunga ama-
jjolobera ne baddirizaako akade, okwetooloola ebirenge by'ekyambalo
ekyo eky'okuweererezangamu; nga Mukama bwe yalagira Musa.
27 Era ne bakolera Alooni n'abaana be amakooti agaalukibwa mu wuzi
eza linena omulebevu omulungi.
28 Ne bakola n'ekitambaala eky'oku mutwe mu linena omulebevu
omulungi, era n'enkuufiira ne bazikola mu linena omulebevu omulungi;
ne bakola n'empale mu linena omulebevu omulungi omulange,
29 n'omusipi mu linena omulebevu omulungi omulange ow'ewuzi eza
bbululu, ne kakobe ne myufu nga zitungiddwa ng'omudalizo n'amagezi
mangi; nga Mukama bwe yalagira Musa.
30 Era ne bakola akapande ak'engule entukuvu mu zaabu omuka, ne
bayolako ebigambo, nga bw'owandiika ku kabonero, nti:

Mutukuvu wa Mukama.

31 Ne bakasibako akakoba akatunge obulungi aka bbululu, kakanyw-
erezenga waggulu ku kitambaala ky'oku mutwe; nga Mukama bwe
yalagira Musa.

### *Okumaliriza Omulimu gw'Eweema ya Mukama*

32 Bwe gutyo omulimu gwonna ogw'okukola Eweema ya Mukama,
Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu ne guggwa; ng'abaana ba Isirayiri
bakoze ebyo byonna nga Mukama bwe yalagira Musa.

33 Awo Weema ya MUKAMA ne bagireetera Musa;

Eweema yonna ne byonna ebyali bigirimu: ebisiba byayo, n'embaawo, n'emikiikiro, n'empagi zaayo, n'ebituurwamu;
34 ekibikkako eky'amaliba g'endiga amakunye amannyike mu langi emyufu, n'amaliba g'embuzi amakunye, n'eggigi ery'okutimba;
35 essanduuko ey'Endagaano n'emisituliro gyayo n'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira;
36 emmeeza ne byonna ebigibeerako, n'emigaati egy'Okulaga;
37 ekikondo ky'ettaala ekya zaabu omuka, n'ettaala zaako n'ebigenderako ebikozesebwa, n'amafuta gaazo;
38 ekyoto ekya zaabu, amafuta ag'okwawula n'obubaane obw'akawoowo, n'olutimbe olw'omulyango oguyingira mu Weema;
39 ekyoto eky'ekikomo n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo, emisituliro gyakyo ne byonna ebikozesebwako;
ebbensani ne ky'etuulamu;
40 entimbe ez'oku bisenge, eby'omu luggya n'empagi zaazo ne mwe zituula, n'olutimbe olw'omu mulyango ogulaga mu luggya,
emiguwa gyalwo n'enkondo zaalwo;
ne byonna ebikozesebwa olw'emirimu gy'omu Weema ya MUKAMA, Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu;
41 ebyambalo ebiruke obulungi ebyambalwa mu kuweereza mu Kifo Ekitukuvu, ebyambalo ebitukuvu ebya Alooni kabona, n'ebyambalo bya batabani be bye bakozesa mu bwakabona nga baweereza.

42 Nga MUKAMA bwe yalagira Musa mu byonna, bwe batyo abaana ba
Isirayiri omulimu gwonna bwe baagukola.
43 Awo Musa n'akebera omulimu gwonna, era n'alaba nga bagumali-
rizza. Nga MUKAMA bwe yalagira, nabo bwe batyo bwe baagukola. Awo
Musa n'abasabira omukisa.

# 40

*Okusimba Eweema ya MUKAMA*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye
kw'olisimbira Eweema ya MUKAMA, Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
3 Essanduuko ey'Endagaano oligiyingiza mu Weema; Essanduuko
n'olyoka ogisiikiriza n'eggigi.
4 Oliyingiza emmeeza, n'otegeka bulungi byonna ebigikolerwako.
Oliyingiza ekikondo ky'ettaala era n'otegekako ettaala zaakwo
n'ozikoleeza.
5 Era oliteeka ekyoto ekya zaabu eky'okwoterezangako obubaane mu
maaso g'Essanduuko ey'Endagaano, n'ossaawo olutimbe mu mulyango
gw'Eweema ya MUKAMA.
6 "Ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa olikissa mu maaso g'omulyango
ogwa Weema ya MUKAMA, Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
7 olyoke oteeke ebbensani wakati wa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu
n'ekyoto, mu bbensani oteekemu amazzi.
8 Olikola oluggya okwebungulula Weema ya MUKAMA, n'ossaawo olu-
timbe mu mulyango oguyingira mu luggya.

9 “Oliddira amafuta ag’okwawula n’ogamansa ku Weema ya MUKAMA ne byonna ebigirimu, olyoke oyawule Eweema ya MUKAMA n’ebigirimu byonna, ebeere ntukuvu.
10 Olimansira amafuta ku kyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa n’ebikozesebwako byonna, n’oyawula ekyoto, bwe kityo ekyoto kiribeera kitukuvu nnyo.
11 Era n’ebbensani oligimansirako amafuta, ne kw’etuula, n’ogyawula, n’ogitukuza.
12 “Olireeta Alooni ne batabani be ku mulyango gw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu, n’obanaaza n’amazzi,
13 n’oyambaza Alooni ebyambalo ebitukuvu n’omusiigako amafuta n’omwawula, alyoke ampeereze nga kabona.
14 Olireeta ne batabani be n’obambaza ekkanzu ey’obwakabona,
15 n’obasiigako amafuta, nga bwe wasiize ku kitaabwe, balyoke bampeereze nga bakabona: era okusiigibwako amafuta okwo kulibafuula bakabona ebbanga lyonna mu mirembe gyabwe.”
16 Musa bw’atyo n’akola ebyo byonna nga MUKAMA bwe yamulagira.
17 Awo ku lunaku olusooka mu mwezi ogw’olubereberye, mu mwaka ogwokubiri, Eweema ya MUKAMA n’esimbibwa.
18 Musa n’asimba Eweema ya MUKAMA; n’ateekateeka ebya wansi mw’etuula, n’ategeka olukangaga lwayo, n’asimba empagi zaayo;
19 n’assaako ekibikka ku Weema ya MUKAMA, nga MUKAMA bwe yamulagira.
20 N’addira Endagaano, ey’ebipande eby’amayinja okwasalibwa Amateeka Ekkumi, n’agiteeka munda mu Ssanduuko ey’Endagaano, n’assa emisituliro ku Ssanduuko ey’Endagaano, n’assaako kungulu ekisaanikira, ye ntebe ey’okusaasira;
21 n’ayingiza Essanduuko ey’Endagaano munda mu Weema ya MUKAMA, n’atimbawo eggigi, n’asiikiriza Essanduuko ey’Endagaano, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
22 N’ayingiza emmeeza mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu, n’agiteeka ku ludda olw’Obukiikakkono olwa Weema ya MUKAMA, wabweru w’eggigi,
23 n’assaako emigaati ng’agitegese bulungi awali MUKAMA, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
24 N’assa ekikondo ky’ettaala mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu ku ludda olw’Obukiikaddyo obw’Eweema ya MUKAMA, okwolekera emmeeza,
25 n’ategeka ettaala awali MUKAMA, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
26 N’ayingiza ekyoto ekya zaabu mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu mu maaso g’eggigi,
27 n’ayokerako obubaane obwa kawoowo, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
28 N’ateeka olutimbe olw’omu mulyango gw’Eweema ya MUKAMA mu kifo kyalwo.
29 N’ateeka ekyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa ku mulyango gw’Eweema ya MUKAMA, Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu, n’aweerayo okwo ekiweebwayo ekyokebwa eky’obuwunga, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
30 N’atereeza ebbensani wakati wa Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu n’ekyoto, n’assaamu amazzi ag’okunaaba;
31 Musa ne Alooni ne batabani ba Alooni mwe baanaabiranga engalo zaabwe n’ebigere byabwe.

32 Buli lwe baayingiranga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne buli
lwe baasembereranga ekyoto nga banaaba, nga MUKAMA bwe yalagira
Musa.
33 N'akola oluggya okwebungulula Weema ya MUKAMA n'ekyoto,
n'assaawo olutimbe mu mulyango oguyingira mu luggya. Bw'atyo Musa
omulimu n'agumaliriza.

### *Ekitiibwa kya MUKAMA*

34 Awo ekire ne kibuutikira Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, yonna
n'ejjula ekitiibwa kya MUKAMA.
35 Musa n'atasobola kuyingira mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
kubanga ekire kyagibuutikira, n'ekitiibwa kya MUKAMA ne kijijjula.
36 Mu lugendo lwabwe lwonna, ekire bwe kyaggyibwanga ku Weema ya
MUKAMA, olwo abaana ba Isirayiri nga basitula nga batambula;
37 naye ekire bwe kitaggyibwangako ku Weema ya MUKAMA, olwo nga
tebasitula kutambula okutuusa ku lunaku lwe kyaggyibwangako.
38 Ekire kya MUKAMA kyabeeranga ku Weema ya MUKAMA emisana, ate
ekiro nga mu kire ekyo mubaamu muliro, ng'abaana ba Isirayiri bonna
ebyo babiraba mu lugendo lwabwe lwonna.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ebyabaleevi

*Etteeka ery'Ekiweebwayo Ekyokebwa*

1 Awo MUKAMA n'ayita Musa, n'ayogera naye ng'asinziira mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu. N'amulagira nti,
2 "Yogera n'abaana ba Isirayiri obagambe nti, 'Omuntu yenna mu mmwe
bw'aneeteesanga okuleeta ekiweebwayo eri MUKAMA, anaaleetanga eki-
weebwayo kya nte ng'agiggya mu kiraalo kye, oba endiga oba embuzi
ng'agiggya mu kisibo kye.'
3 "Ekiweebwayo bwe kinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa[*] nga kiva
mu kiraalo ky'ente, anaawangayo seddume etaliiko kamogo. Anaagy-
ereeteranga n'agiweerayo ku mulyango gwa Weema ya MUKAMA
ey'Okukuŋŋaanirangamu, kiryoke kikkirizibwe eri MUKAMA.
4 Omuntu aleese ekiweebwayo ekyo ekyokebwa anaakwatanga omutwe
gwakyo, era kinakkirizibwanga ku lulwe kiryoke kimutangiririre
olw'ebibi bye.
5 Seddume eyo anaagittiranga mu maaso ga MUKAMA; era batabani
ba Alooni, bakabona, banaddiranga omusaayi gwayo ne baguwaayo
eri MUKAMA nga bagumansira ku kyoto okwebungulula enjuuyi zonna
ez'ekyoto ekiri awo okumpi n'omulyango gwa Weema ya MUKAMA
ey'Okukuŋŋaanirangamu.
6 Awo ekiweebwayo ekyo ekyokebwa anaakibaagangako eddiba,
n'akitemaatemamu ebifi.
7 Batabani ba Alooni, kabona, banaakumanga omuliro mu kyoto, ne
batindikira bulungi enku ku muliro ogwo.
8 Awo batabani ba Alooni, bakabona, banaategekanga bulungi ebifi ebyo,
nga n'omutwe n'amasavu babitaddeko; banaabissanga ku nku ezikoledde
omuliro ku kyoto.
9 Eyaleese ekiweebwayo ekyo anaanaazanga n'amazzi eby'omu
lubuto n'amagulu; ebyo byonna kabona anaabyokyanga ku kyoto
ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu
evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.
10 "Ekinaaleetebwanga okuba ekiweebwayo ekyokebwa bwe kinaavanga
mu kisibo, oba ndiga oba mbuzi, omuntu oyo anaawangayo ennume
etaliiko kamogo.
11 Anaagittiranga ku luuyi olwakkono olw'ekyoto mu maaso ga MUKAMA,
era batabani ba Alooni, bakabona, banaamansiranga omusaayi gwayo ku
njuyi zonna ez'ekyoto okukyebungulula.
12 Anaagitemaatemangamu ebifi; era kabona anaategekanga bulungi
ebifi ebyo, nga n'omutwe n'amasavu abitaddeko, n'abissa ku nku
ezikoledde omuliro ku kyoto.
13 Eyaleese ekiweebwayo ekyo anaanaazanga n'amazzi eby'omu lubuto
n'amagulu; ebyo byonna kabona anaabiwangayo, n'abyokya ku kyoto,

[*] **1:3** ekiweebwayo ekyokebwa Ebika by'ensolo bisatu bye byaweebwangayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa, okusinziira ku mbeera y'omuntu awaayo ssaddaaka: ente sseddume yaweebwangayo abantu abagagga; endiga n'embuzi (lunny 10) n'ebinyonyi (lunny 14) byaweebwangayo abantu abaavu (5:7; 12:8)

nga kye kiweebwayo ekyokebwa ekyokeddwa mu muliro, ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

14 “Ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA bwe kinaabanga eky’ennyonyi, omuntu anaaleetanga ekiweebwayo eky’amayiba oba eky’enjiibwa ento.

15 Kabona anaaleetanga ennyonyi eyo ku kyoto n’aginyoola omutwe n’agukutulako, n’agwokya ku kyoto; omusaayi gwayo anaagukenenuliranga mu mbiriizi z’ekyoto.

16 Anaagiggyangamu ekisakiro kyayo n’ebikirimu, n’akisuula ku ludda olw’ebuvanjuba olw’ekyoto mu kifo awayiyibwa evvu.

17 Anaagikwatanga ebiwaawaatiro n’agiyuza; kyokka taagiryebulirengamu ddala. Anaagyokeranga ku nku ezikoledde omuliro mu kyoto; nga kye kiweebwayo ekyokebwa ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

# 2

### *Etteeka ery’Ekiweebwayo eky’Empeke*

1 “ ‘Omuntu yenna bw’anaaleetanga eri MUKAMA ekiweebwayo eky’emmere ey’empeke; empeke anaamalanga kuzisa, n’aleeta obuwunga obulungi. Anaabufukangako amafuta ag’omuzeeyituuni, n’ateekako n’obubaane,

2 n’alyoka abuleetera batabani ba Alooni, bakabona. Kabona anaayoolanga olubatu lw’obuwunga obulimu amafuta ag’omuzeeyituuni n’obubaane, n’abwokya mu kyoto ng’ekijjukizo, nga kye kiweebwayo ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

3 Obuwunga obunaasigalangawo ku kiweebwayo, bunaatwalibwanga Alooni ne batabani be, nga kye kitundu ekitukuvu ennyo eky’ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

4 “ ‘Bw’onooleetanga emigaati egifumbiddwa mu oveni nga kye kiweebwayo, ginaabanga emigaati egikoleddwa mu buwunga obulungi nga mutabuddwamu n’amafuta ag’omuzeeyituuni nga tegiriimu kizimbulukusa, oba bunaabanga obusukuuti obw’oluwewere obutaliimu kizimbulukusa nga busiigiddwako amafuta ag’omuzeeyituuni.

5 Ekiweebwayo kyo bwe kinaabanga eky’emmere ey’empeke nga kitegekeddwa ku lukalango, kinaakolebwanga mu buwunga obulungi obutaliimu kizimbulukusa nga butabuddwamu amafuta ag’omuzeeyituuni.

6 Onookimenyaamenyanga mu butundutundu, n’okifukako amafuta ag’omuzeeyituuni. Ekyo kye kiweebwayo eky’emmere ey’empeke.

7 Ekiweebwayo kyo bwe kinaabanga eky’emmere ey’empeke nga kyakufumbirwa mu fulampeni, kinaateekebwateekebwanga mu buwunga obulungi n’amafuta ag’omuzeeyituuni.

8 Onooleeteranga MUKAMA ekiweebwayo ekyo eky’emmere ey’empeke ekitabuddwa mu bintu ebyo; bwe kinaakwasibwanga kabona, ye anaakireetanga ku kyoto.

9 Awo kabona anaggyanga ku kiweebwayo eky’emmere ey’empeke, ekitundu eky’ekijjukizo kyakyo, n’akyokya ku kyoto, nga kye kiweebwayo ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

10 Era ekinaafikkanga ku kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, Alooni
ne batabani be, be banaakitwalanga; nga kye kitundu ekitukuvu ennyo
ekibalirwa ku biweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

*Ekizimbulukusa n'Omunnyo*

11 " 'Temuleeteranga MUKAMA ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga
kiteekeddwamu n'ekizimbulukusa; kubanga temuuyokyenga kizimbu-
lukusa wadde omubisi gw'enjuki ng'ekiweebwayo eri MUKAMA ekyoked-
dwa mu muliro.
12 Munaabireetanga eri MUKAMA ng'ebiweebwayo eby'ebibala ebibere-
berye, naye tebiiweerwengayo ku kyoto okubeera evvumbe eddungi
erisanyusa MUKAMA.
13 Ebiweebwayo byo byonna eby'emmere ey'empeke onoobirun-
gangamu omunnyo*: tokkirizanga munnyo ogw'endagaano ne Katonda
wo okubula mu biweebwayo byo eby'emmere ey'empeke; mu biweeb-
wayo byo byonna ossangamu omunnyo.
14 " 'Bw'onooleetanga eri MUKAMA ebiweebwayo eby'ebibala ebibere-
berye eby'emmere ey'empeke, binaabanga ebirimba ebibisi ebibereberye
eby'emmere ey'empeke nga bibetenteddwa era nga byokeddwako mu
muliro.
15 Onoobifukangako amafuta ag'omuzeeyituuni, n'obiteekangako
n'obubaane; ekyo nga kye kiweebwayo eky'emmere ey'empeke.
16 Awo kabona anaggyanga ku kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, eki-
maze okubetentebwa nga mulimu amafuta ag'omuzeeyituuni n'obubaane,
ekitundu eky'ekijjukizo kyakyo, n'akyokya; ekyo nga kye kiweebwayo eri
MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

# 3

*Etteeka ery'Ekiweebwayo olw'Emirembe*

1 " 'Omuntu bw'anaaleetanga ekiweebwayo olw'emirembe eri MUKAMA,
ekiweebwayo ekyo nga kya nte nnume oba nkazi gy'aggye mu kiraalo kye,
ente eyo tebeerengako kamogo.
2 Omuntu aleese ekiweebwayo ekyo anaakwatanga omutwe gwakyo
n'akittira ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu; batabani
ba Alooni, bakabona, ne balyoka bamansira omusaayi ku kyoto okukye-
bungulula.
3 Omu ku bakabona anaggyanga ebintu bino mu kiweebwayo
olw'emirembe ekireeteddwa nga kyokeddwa mu muliro, nga kye ki-
weebwayo eri MUKAMA; anaawangayo amasavu agabikka ku byenda,
n'amasavu gonna agali okumpi n'ebyenda,
4 n'ensigo zombi awamu n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato,
n'ekibikka ku kibumba nga biggyibwako wamu n'ensigo.
5 Kale batabani ba Alooni banaabyokeranga kungulu ku kiweebwayo
ekyokebwa ekiri ku nku eziri ku muliro ne kivaamu evvumbe eddungi
erisanyusa MUKAMA.
6 " 'Omuntu anaggyanga mu kisibo kye ekisolo ekisajja oba ekikazi nga
tekiriiko kamogo, n'akiwaayo eri MUKAMA.
7 Bw'anaaleetanga endiga ento nga kye kiweebwayo kye eri MUKAMA,
8 anaagikwatanga omutwe gwayo, n'agittira mu maaso ga Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu. Kale batabani ba Alooni banaamansiranga
omusaayi gwayo ku kyoto n'okukyebunguluza.

* **2:13** omunnyo Omunnyo guyamba emmere obutavunda.

9 Mu kiweebwayo olw'emirembe ky'anaaleetanga okuwaayo
ng'ekiweebwayo eri MUKAMA nga kyokebwa mu muliro, anaggyangamu
bino n'abiwaayo eri MUKAMA: anaawangayo amasavu n'omukira gwonna
n'amasavu gaagwo, nga gusaliddwako okumpi n'omugongo, n'amasavu
agabikka ku byenda, n'amasavu gonna agali okumpi n'ebyenda,
10 n'ensigo zombi awamu n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato,
n'ekibikka ku kibumba, nga biggyibwako wamu n'ensigo.
11 Awo kabona anaabyokeranga ku kyoto okubeera ekyokulya ekiweeb-
wayo eri MUKAMA nga kyokeddwa mu muliro.
12 " 'Ekiweebwayo kye bwe kinaabanga embuzi, anaagiwangayo
ng'ekiweebwayo eri MUKAMA;
13 anaagikwatanga omutwe gwayo, n'agittira mu maaso ga Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu. Kale batabani ba Alooni banaamansiranga
omusaayi gwayo ku kyoto n'okukyebunguluza.
14 Awo anaawangayo ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro
ng'akiggya okwo: amasavu agabikka ebyenda, n'amasavu gonna agali-
raanye ebyenda,
15 n'ensigo zombi n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato, n'ekibikka
ku kibumba nga biggyibwako wamu n'ensigo.
16 Awo kabona anaabyokeranga ku kyoto okubeera ekyokulya ekiweeb-
wayo nga kyokebwa mu muliro okuvaamu evvumbe eddungi erisanyusa
MUKAMA. Amasavu gonna ganaabanga ga MUKAMA.
17 " 'Ekintu kino kinaabeeranga etteeka ery'ebiro byonna okuyita
mu mirembe eginaagendanga giddiriragana mu bifo byonna gye mu-
naabeeranga. Temulyanga masavu wadde omusaayi.' "

# 4

*Etteeka ery'Ekiweebwayo nga Kabona y'Ayonoonye*

1 Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa n'amugamba nti,
2 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti: 'Bino bye biragiro eri buli muntu
anaasobyanga ku mateeka ga MUKAMA nga tagenderedde, n'akola ekintu
kyonna MUKAMA kye yalagira obutakikolanga.
3 " 'Singa Kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ayonoona,
bw'atyo abantu n'abaleetako omusango olw'ekibi ky'anaabanga akoze,
anaaleeteranga MUKAMA ente ennume entoototo etaliiko kamogo, nga kye
kiweebwayo olw'ekibi.
4 Sseddume eyo anaagireetanga ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, mu maaso ga MUKAMA; anaagikwatanga
omutwe gwayo n'agittira awo mu maaso ga MUKAMA.
5 Awo kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni
anaatoolangako ku musaayi gwa sseddume eyo n'aguleeta mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu.
6 Anannyikanga olugalo lwe mu musaayi ogwo n'agumansirako
emirundi musanvu awo eggigi ery'awatukuvu we litunudde mu maaso
ga MUKAMA.
7 Awo kabona anaddiranga ku musaayi, n'agusiiga ku mayembe
ag'oku kyoto okwoterezebwa obubaane obw'akawoowo, ekiri mu
Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu mu maaso ga MUKAMA. Omusaayi
gwa sseddume ogunaasigalangawo gwonna, anaaguyiwanga ku ntobo
y'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa ekiri ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu.

8 Amasavu gonna aganaabanga mu sseddume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, anaagaggyangako: amasavu agabikka ebyenda, n'amasavu gonna agaliraanye ebyenda,
9 n'ensigo zombi n'amasavu agazirimu okuliraana ekiwato, n'ekibikka ku kibumba ng'abiggyirako wamu n'ensigo,
10 (nga bwe biggyibwa ku nte ey'ekiweebwayo olw'emirembe), bw'atyo kabona anaabyokeranga ku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
11 Naye eddiba lya sseddume eyo n'ennyama yaayo yonna, n'omutwe gwayo, n'amagulu gaayo, n'eby'omu nda byayo nga n'ebyenda kwebiri, awamu n'obusa bwayo,
12 ye sseddume yonna, anaagitwalanga wabweru w'olusiisira mu kifo ekiyonjo awayiyibwa evvu ly'ekyoto, anaatindiranga enku n'akuma omuliro n'agyokeranga okwo.

### *Etteeka ery'Ekiweebwayo ng'Abantu Bonna Boonoonye*

13 " 'Ekibiina kyonna eky'Abayisirayiri bwe kinaayonoonanga nga tekigenderedde, ne kikola ekimu ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, ekibiina ne bwe kinaabanga tekitegedde nti kisobezza, banaabanga bazzizza omusango.
14 Ekibi ekikoleddwa bwe kinaategeerekekanga, ekibiina kinaaleetanga sseddume y'ente entoototo mu maaso ga Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga ky'ekiweebwayo olw'ekibi.
15 Abakulembeze b'ekibiina banassanga emikono gyabwe ku mutwe gwa sseddume eyo mu maaso ga MUKAMA, sseddume eyo n'ettirwa mu maaso ga MUKAMA.
16 Awo kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni anaatwalangako ku musaayi gwa sseddume eyo n'aguleeta mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
17 Anannyikanga olugalo lwe mu musaayi ogwo n'agumansira emirundi musanvu awo eggigi ly'awatukuvu we litunudde mu maaso ga MUKAMA.
18 Anaddiranga ku musaayi n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto ekiri mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu mu maaso ga MUKAMA. Omusaayi ogunaasigalangawo gwonna anaagufukanga ku ntobo y'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa ekiri ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
19 Anaggyangamu amasavu gaayo gonna n'agookera ku kyoto,
20 n'akola ku sseddume eno nga bwe yakola ku sseddume ey'ekiweebwayo olw'ekibi. Bw'atyo kabona anaatangiririranga abantu bonna mu kibiina, era ne basonyiyibwa.
21 Anaafulumyanga sseddume eno ebweru w'olusiisira n'agyokya nga bwe yayokya sseddume eri eyasooka. Kino kye kiweebwayo olw'ekibi ku lw'ekibiina ky'abantu bonna.

### *Etteeka ery'Ekiweebwayo ng'Omufuzi Ayonoonye*

22 " 'Omufuzi bw'anaayonoonanga nga tagenderedde n'akola ekimu ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, anaabanga azzizza omusango.
23 Ekibi ekyo ky'akoze bwe kinaamalanga okumutegeezebwa, anaaleetanga ekiweebwayo kye eky'embuzi ensajja etaliiko kamogo.
24 Anagikwatanga ku mutwe gwayo, n'agittira awo mu maaso ga MUKAMA we battira ebiweebwayo ebyokebwa. Ekyo nga kye kiweebwayo olw'ekibi.

25 Awo kabona anaddiranga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi,
n'olugalo lwe, n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto eky'ebiweebwayo
ebyokebwa. Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo gwonna anaaguyi-
wanga ku ntobo ey'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
26 Amasavu gaayo gonna anaagookeranga ku kyoto okwo, oku-
faanana ng'amasavu olw'ekiweebwayo olw'emirembe bwe ganaayokeb-
wanga. Bw'atyo kabona anaatangiririranga omufuzi oyo olw'ekibi kye,
n'asonyiyibwa.

### *Etteeka ery'Ekiweebwayo olw'Abantu Abaabulijjo*

27 " 'Omuntu yenna owabulijjo bw'anaayonoonanga nga tagenderedde,
n'akola ekimu ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge
obutabikolanga, anaabanga azzizza omusango.
28 Ekibi ekyo ky'akoze bwe kinaamalanga okumutegeezebwa, anaalee-
tanga ekiweebwayo kye eky'embuzi enkazi etaliiko kamogo, olw'ekibi
ekyo ky'akoze.
29 Anaakwatanga ku mutwe gw'ekiweebwayo ekyo olw'ekibi, n'akittira
awo awattirwa ebiweebwayo ebyokebwa.
30 Awo kabona anaddiranga ku musaayi gwakyo n'olugalo lwe
n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo, gwonna anaaguyiwanga ku ntobo
ey'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
31 Amasavu gaakyo anaagaggyangamu nga ag'omu biweebwayo
olw'emirembe bwe gaggyibwamu; kabona anaagookeranga ku kyoto
ne gavaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. Bw'atyo kabona
anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi kye, era omuntu oyo anaa-
sonyiyibwanga.
32 " 'Bw'anaabanga aleese endiga ento ng'ekiweebwayo kye olw'ekibi,
anaaleetanga nkazi etaliiko kamogo.
33 Anaagikwatanga ku mutwe, n'agittira awo awattirwa ebiweebwayo
ebyokebwa, nga kye kiweebwayo olw'ekibi.
34 Awo kabona anaddiranga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi,
n'olugalo lwe, n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto eky'ebiweebwayo
ebyokebwa. Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo, gwonna anaaguyi-
wanga ku ntobo ey'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
35 Amasavu gaayo anaagaggyangamu nga ag'omu biweebwayo
olw'emirembe bwe gaggyibwamu, era kabona anaagookeranga ku
kyoto ku biweebwayo eri MUKAMA ebyokeddwa mu muliro. Bw'atyo
kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi kye, era omuntu oyo
anaasonyiyibwanga.

## 5

### *Ebikolwa Ebyetaagisa Ebiweebwayo olw'Ekibi*

1 " 'Omuntu bw'ategyengayo ku kintu ky'amanyi, n'awa obujulirwa
ku kintu kye yalaba oba kye yawulira nga kikyamu, anaabanga azzizza
omusango.
2 " 'Omuntu yenna bw'anaakwatanga ku kintu ekitali kirongoofu, gamba
omulambo gw'ensolo ey'omu nsiko etali nnongoofu, oba ku mulambo
gw'ente etali nnongoofu, oba ku mirambo gy'ebiramu ebyekulula ebitali
birongoofu, ne bw'anaabanga takitegedde, anaabanga afuuse atali mulon-
goofu, era anaabanga azzizza omusango.

3 Oba bw’anaakwatanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu ekivudde mu muntu nga si kirongoofu mu buli ngeri yonna, ne kimufuula atali mulongoofu, ne bw’anaabanga takigenderedde, bw’anaategeranga ky’akoze nga kibi, anaabanga azzizza omusango.

4 Omuntu bw’anaayanguyirizanga okulayira okukola ekintu kyonna, oba kirungi oba kibi, ng’amaze galayira nga tafuddeeyo, ne bw’anaabanga takigenderedde, bw’anaategeranga ky’akoze bwe kiri, anaabanga azzizza omusango mu buli ngeri yonna gy’anaabanga alayiddemu.

5 Omuntu bw’anazzanga omusango mu kyonna kyonna ku ebyo ebizze byogerwako, anaateekwanga okwatula ekibi ekyo ky’anaabanga akoze,

6 era n’aleeta ekiweebwayo kye olw’omusango eri Mukama olw’ekibi ekyo. Anaaleetanga endiga ento enkazi oba embuzi enkazi ng’abiggya mu kisibo kye, nga kye kiweebwayo olw’ekibi; era kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw’ekibi kye.

### *Ebiweebwayo olw’Ebibi eby’Abaavu*

7 “ ‘Omuntu bw’anaabanga omwavu, nga tasobola kuleeta ndiga nto olw’obwavu bwe, anaaleetanga bukaamukuukulu bubiri oba enjiibwa ento bbiri eri Mukama, olw’ekibi omuntu oyo ky’akoze, nga ky’ekiweebwayo olw’ekibi, ekimu nga kye ky’ekiweebwayo olw’ekibi ekirala nga kye ky’ekiweebwayo ekyokebwa.

8 Anaabireeteranga kabona, n’asooka okuwaayo ekiweebwayo olw’ekibi. Kabona anaanyoolanga ensingo y’ekiweebwayo, naye nga tagikutuddeeko;

9 anaddiranga ku musaayi ogw’ekiweebwayo olw’ekibi n’agumansira ku mabbali g’ekyoto. Omusaayi gwonna ogunaabanga gusigaddewo anaaguttululiranga ku ntobo y’ekyoto. Kino kye kiweebwayo olw’ekibi.

10 Kabona anaawangayo ekiweebwayo ekyokubiri nga kye kiweebwayo ekyokebwa ng’agoberera ebiragiro nga bwe bigamba. Bw’atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw’ekibi kye ky’anaabanga akoze, era omuntu oyo anaasonyiyibwanga.

11 “ ‘Omuntu oyo omwavu bw’anaabanga tasobola kuleeta bukaamukuukulu bubiri oba enjiibwa ento bbiri, anaaleetanga ekiweebwayo olw’ekibi kye, kimu kya kkumi ekya efa* eky’obuwunga obulungi okuba ekiweebwayo kye olw’okwonoona. Taabuteekengamu mafuta wadde obubaane, kubanga kiweebwayo olw’ekibi.

12 Anaakireeteranga kabona, era kabona anaatoolangako olubatu, nga kye kitundu eky’ekijjukizo kyakyo, n’akyokera ku kyoto, ku biweebwayo eri Mukama ebyokeddwa mu muliro. Kino nga kye kiweebwayo olw’ekibi.

13 Bw’atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw’ekibi ky’anaabanga akoze mu bintu ebyo byonna, era anaasonyiyibwanga. Ebyo byonna ebinaasigalangawo ku kiweebwayo kino binaabanga bya kabona, nga bwe kiri mu biragiro by’ekiweebwayo eky’emmere y’empeke.’ ”

### *Etteeka ery’Ekiweebwayo olw’Omusango*

14 Mukama n’agamba Musa nti,

15 “Omuntu bw’anazzanga omusango ng’asobezza mu bimu ku ebyo ebitukuvu bya Mukama nga tagenderedde, anaaleetanga eri Mukama ekiweebwayo kye olw’omusango, endiga ennume etaliiko kamogo ng’agiggya mu kisibo kye; eneebalirirwanga omuwendo ogugigyamu mu ffeeza,

* **5:11** efa yenkanankana liita nga bbiri

ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, ye sekeri[†]. Ekyo nga kye kiweebwayo
olw'omusango.
16 Era anaaliwanga olw'ekyo kye yazzaako omusango mu bitukuvu
bya Mukama, era anaayongerangako ekitundu kimu ekyokutaano
eky'omuwendo gw'ekyo ky'anabanga asobezza; engassi eyo anaagiwanga
kabona. Kabona anaatangiririranga omuntu oyo n'endiga ennume
ey'ekiweebwayo olw'omusango, bw'atyo anaasonyiyibwanga.
17 "Omuntu yenna bw'anaayonoonanga n'akola ku ebyo MUKAMA bye
yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, ne bw'anaabanga takitegedde,
anazzanga omusango.
18 Anaaleeteranga kabona endiga ennume eteriiko kamogo ng'agiggya
mu kisibo kye, ng'ebalirirwamu omuwendo ogugya mu kiweeb-
wayo olw'omusango. Kabona anaamutangiririranga olw'ekisobyo
ky'anaabanga akoze nga tagenderedde, era anaasonyiyibwanga.
19 Ekyo nga kye kiweebwayo olw'omusango, kubanga anaabanga
ayonoonye mu maaso ga MUKAMA."

# 6

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Omuntu bw'anaayonoonanga n'amenya obwesigwa eri MUKAMA
olw'okulimbalimba munne ku kye yamuteresa, oba kye yamukwasa, oba
omuntu oyo kye yabba; oba bw'anabbiranga munne,
3 oba bw'anaazuulanga ebyali bibuze naye n'alimba; oba
bw'anaalayiranga eby'obulimba, oba bw'anaayonoonanga mu bintu
ng'ebyo byonna abantu mwe batera okwonoona,
4 bw'anaayonoonanga bw'atyo anaabangako omusango; kinaamusaani-
ranga okuzzaayo ebyo bye yabba oba bye yanyaga, oba bye yateresebwa
oba ebyo ebyali bibuze naye n'abizuula,
5 oba ekintu kyonna kye yalayirirako eby'obulimba. Anaaliwanga
mu bujjuvu era anaagattangako ekitundu kimu kyakutaano eky'ebyo
by'aliwa; bw'atyo anaabiddizanga nnyinibyo ku lunaku omuntu oyo
lw'anaaleeterangako ekiweebwayo olw'omusango.
6 Era anaaleeteranga kabona ekiweebwayo eri MUKAMA olw'omusango,
nga kya ndiga ennume eteriiko kamogo ng'agiggya mu kisibo kye,
ng'ogibaliriddemu omuwendo ogugya mu kiweebwayo olw'omusango.
7 Awo kabona anaatangiririranga omuntu oyo mu maaso ga MUKAMA,
era anaasonyiyibwanga mu bintu ebyo byonna by'anaabanga akoze n'azza
omusango."

### *Ebiweebwayo Ebyokebwa*

8 MUKAMA n'agamba Musa nti,
9 "Lagira Alooni ne batabani be nti: Lino lye tteeka ery'ebiweebwayo
ebyokebwa. Ekiweebwayo ekyokebwa kinaabeeranga ku kyoto ekiro
kyonna okutuusa enkeera, era omuliro gw'omu kyoto gunaabanga gwaka
ebbanga lyonna.
10 Awo kabona anaayambalanga ebyambalo bye ebya bafuta,
ng'asooseemu eby'omunda ebya bafuta ku mubiri gwe, n'addira evvu
eriri mu kyoto ery'ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto, n'alissa wabbali
w'ekyoto.

[†] **5:15** sekeri yenkanankana gulaamu kkumi n'emu n'ekitundu

11 Aneeyambulangamu ebyambalo ebyo, n’ayambala ebyambalo ebi-
rala, n’asitula evvu n’alitwala ebweru w’olusiisira mu kifo ekirongoofu
eky’emikolo ng’egyo.
12 Omuliro gunaasigalanga nga gwaka ebbanga lyonna, teguuzikirenga.
Buli nkya kabona anaayongerangako enku ku kyoto; era anaatereezan-
gako ekiweebwayo ekyokebwa ng’akitegese bulungi; era anaayokeran-
gako amasavu ag’ebiweebwayo olw’emirembe.
13 Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; tegu-
uzikirenga.

## *Ebiweebwayo eby’Emmere ey’Empeke*

14 “Era lino ly’etteeka ery’ebiweebwayo eby’emmere ey’empeke. Bata-
bani ba Alooni banaaleetanga ekiweebwayo ekyo awali MUKAMA mu
maaso g’ekyoto.
15 Kabona anaayoolanga olubatu lw’obuwunga obulungi
obw’ekiweebwayo eky’emmere y’empeke n’amafuta gaako
ag’omuzeeyituuni n’obubaane bwonna, ebiri ku kiweebwayo ekyo,
n’akyokya ku kyoto nga kye kitundu eky’ekijjukizo kyakyo, ne kivaamu
evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.
16 Batabani ba Alooni banaalyanga ekisigaddewo, naye nga tebaliiramu
kizimbulukusa mu kifo ekyo ekitukuvu; banaakiriiranga mu luggya
lw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu.
17 Tekiiyokerwengamu kizimbulukusa. Nkibawadde nga kye kinaa-
banga omugabo gwabwe ogw’oku biweebwayo byange ebyokebwa,
kye kintu ekitukuvu ennyo okufaanana ng’ekiweebwayo olw’ekibi
n’ekiweebwayo olw’omusango.
18 Buli mwana mulenzi ava mu Alooni anaayinzanga okukiryako,
ng’etteeka ery’emirembe gyonna bwe ligamba erifa ku biweebwayo eri
MUKAMA ebyokeddwa mu muliro. Buli anaabikwatangako anaafuukanga
mutukuvu.”
19 MUKAMA n’agamba Musa nti,
20 “Kino ky’ekiweebwayo Alooni ne batabani be kye banaawangayo eri
MUKAMA ku lunaku lwe banaafukibwangako amafuta ag’omuzeeyituuni:
ekitundu eky’ekkumi ekya liita bbiri, nga kilo emu ey’obuwunga obulungi,
nga kye kiweebwayo eky’emmere ey’empeke nga kisalirwa wakati eki-
tundu ekimu, enkya, n’ekitundu ekirala, akawungeezi.
21 Bunaafumbibwanga n’amafuta ag’omuzeeyituuni ku fulampeni, ne
butabulwa bulungi, ne buweebwayo eri MUKAMA nga kye kiweebwayo
eky’emmere ey’empeke, ekivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.
22 Kabona ow’omu baana ba Alooni anaabanga afukiddwako
amafuta ag’omuzeeyituuni okumusikira, y’anaakiwangayo eri MUKAMA
ng’amateeka bwe galagira emirembe gyonna; ekiweebwayo kyonna
kinaayokebwanga.
23 Buli kiweebwayo kyonna eky’emmere ey’empeke kabona
ky’anaawangayo kinaayokebwanga bulambalamba; tekiiriibwenga.”

## *Ebiweebwayo olw’Ekibi*

24 MUKAMA n’agamba Musa nti,
25 “Tegeeza Alooni ne batabani be nti bino bye biragiro
eby’ekiweebwayo olw’ekibi. Ekiweebwayo olw’ekibi kinattirwanga mu
maaso ga MUKAMA awo wennyini ebiweebwayo ebyokebwa we bittirwa;
kiweebwayo kitukuvu nnyo.

26 Kabona anaakiwangayo olw’ekibi y’anaakiryanga. Kinaalirwanga mu
kifo ekitukuvu mu luggya lwa Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu.
27 Buli ekinaakoonanga ku nnyama y’ekiweebwayo ekyo, kinaafuukanga
kitukuvu; era ogumu ku musaayi gwakyo bwe gunaamansukiranga
ekyambalo, kinaayozerwanga mu kifo ekitukuvu.
28 Ensaka ey’ebbumba mwe kinaafumbirwanga eneeyasibwanga;
naye bwe kinaafumbirwanga mu nsaka ey’ekyuma, eneekuutibwanga
n’emunyunguzibwamu n’amazzi.
29 Buli kabona omusajja anaayinzanga okukiryako; kiweebwayo ki-
tukuvu nnyo.
30 Naye ekiweebwayo olw’ekibi, omusaayi gwakyo nga guleeteddwako
mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu olw’okwetangirira mu kifo ekyo
ekitukuvu, tekiiriibwenga, kyonna kinaayokebwanga.

# 7

*Ebiweebwayo olw’Omusango*

1 “ ‘Bino bye biragiro eby’ekiweebwayo olw’omusango; kinaabanga
kitukuvu nnyo.
2 Ekiweebwayo olw’omusango kinattirwanga awo wennyini ekiweeb-
wayo ekyokebwa we kittirwa, era omusaayi gwakyo gunaamansirwanga
ku njuyi zonna ez’ekyoto okukyebungulula.
3 Amasavu gaakyo gonna ganaawebwangayo: omukira ogwa ssava,
amasavu agabikka ku byenda,
4 ensigo zombi awamu n’amasavu agaziriko okuliraana ekiwato,
n’ekibikka ku kibumba nga biggyibwako wamu n’ensigo.
5 Kabona anaabyokeranga ku kyoto nga kye kiweebwayo eri Mukama
ekyokeddwa mu muliro. Ekyo kye kiweebwayo olw’omusango.
6 Buli kabona omusajja anaayinzanga okukiryako; kyokka kinaalir-
wanga mu kifo ekitukuvu. Kiweebwayo kitukuvu nnyo.
7 Ebiragiro ebikwata ku kiweebwayo olw’omusango bye bimu
n’ebikwata ku kiweebwayo olw’ekibi. Kabona anaakozesanga ebiweeb-
wayo ebyo olw’okutangiririra, y’anaabitwalanga.
8 Kabona anaaweerangayo omuntu yenna ekiweebwayo kye ekyokebwa,
y’aneesigalizanga eddiba ly’ekiweebwayo ekyo.
9 Era buli kiweebwayo eky’emmere ey’empeke ekinaafumbibwanga mu
oveni n’ekyo kyonna ekinaateekerwateekerwanga ku fulampeni oba ku
lukalango, kabona oyo akiwaddeyo y’anaakitwalanga.
10 Era na buli kiweebwayo eky’empeke ekya buli ngeri, nga kitabuddwa
mu mafuta ag’omuzeeyituuni oba nga kikalu kyereere, batabani ba Alooni
be banaakitwalanga nga bakigabana kyenkanyi buli omu.

*Ebiweebwayo olw’Emirembe*

11 “ ‘Bino by’ebiragiro eby’ekiweebwayo olw’emirembe omuntu
ky’anaawangayo eri Mukama.
12 “ ‘Bw’anaakiwangayo olw’okwebaza, ekiweebwayo ekyo anaakigat-
tirangako zikkeeke ezitabuliddwamu amafuta ag’omuzeeyituuni kyokka
nga temuli kizimbulukusa, n’obusukuuti obw’oluwewere nga busiigid-
dwako amafuta ag’omuzeeyituuni, ne zikkeeke ez’obuwunga obulungi
ennyo nga zigoyeddwa bulungi mu mafuta.
13 Awamu n’ebiweebwayo bye olw’emirembe n’olw’okwebaza,
anaaleeterangako emigaati emifumbe n’ekizimbulukusa.

14 Ku buli kimu ku biweebwayo ebyo anaggyangako omugaati gumu
n'aguwaayo ng'ekiweebwayo eri MUKAMA; kabona anaamansiranga
omusaayi ogw'ekiweebwayo olw'emirembe y'anaatwalanga ekiweebwayo
ekyo.
15 Ennyama y'ebiweebwayo by'omuntu oyo by'aleese olw'emirembe
olw'okwebaza eneeriibwanga ku lunaku olwo lwennyini
olw'ebiweebwayo bye ebyo; tekubangako gy'asuzaawo.
16 " 'Naye omuntu bw'anaawangayo ekiweebwayo olw'okutuukiriza
obweyamo, oba olw'okweyagalira, kinaaliibwanga ku lunaku olwo lwen-
nyini lw'akiwaddeyo; ekinaasigalangawo ku kiweebwayo ekyo kinaaliib-
wanga enkeera.
17 Ennyama ey'ekiweebwayo eneefikkangawo n'etuusa ku lunaku ol-
wokusatu eneeyokebwanga mu muliro.
18 Ennyama y'ekiweebwayo ky'omuntu oyo olw'emirembe
bw'eneeriibwanga ku lunaku olwokusatu, ekiweebwayo ekyo MUKAMA
taakikkirizenga, n'oyo akiwaddeyo tekiimubalirwengako kubanga
tekiibenga kirongoofu, ne buli anaakiryangako anaabanga azzizza
omusango.
19 " 'Ennyama eneekoonanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu teeri-
ibwenga, wabula eneeyokebwanga mu muliro; naye ku nnyama endala
omuntu yenna omulongoofu anaayinzanga okulyako.
20 Naye omuntu atali mulongoofu bw'anaalyanga ku nnyama
ey'ekiweebwayo eri MUKAMA olw'emirembe, anaaboolebwanga nga
takyabalirwa mu bantu be.
21 Era omuntu yenna bw'anaakwatanga ku kintu ekitali kirongoofu,
obanga kivudde mu muntu oba mu nsolo, oba ekintu kyonna ekikyayibwa
ekitali kirongoofu, ate n'alya ku nnyama y'ekiweebwayo eri MUKAMA
olw'emirembe, omuntu oyo anaaboolebwanga, nga takyabalirwa mu
bantu be.' "

### *Okulya Amasavu n'Omusaayi Kugaanibwa*

22 MUKAMA n'agamba Musa nti,
23 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, 'Temulyanga ku masavu ga nte, oba
ag'endiga, oba ag'embuzi.
24 Amasavu g'ensolo efudde obufi yokka, n'amasavu g'eyo etaagud-
dwataaguddwa ensolo endala munaagakozesanga ku bintu ebirala byonna
eby'omugaso, naye tekabatandanga ne mugalyako.
25 Kubanga buli muntu anaalyanga ku masavu ag'ensolo eneevangako
ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro, anaaboolebwanga, nga
takyabalirwa mu bantu ba MUKAMA.
26 Era buli kifo kyonna gye munaabeeranga, temuulyenga ku musaayi
n'akatono, ne bwe gunaabanga ogw'ebinyonyi oba ogw'ensolo.
27 Omuntu yenna anaalyanga ku musaayi, omuntu oyo anaabooleb-
wanga, nga takyabalirwa mu bantu be.' "

### *Omugabo gwa Bakabona*

28 MUKAMA n'agamba Musa nti,
29 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Omuntu anaaleetanga ekiweebwayo
kye olw'emirembe eri MUKAMA, anaawangayo eri MUKAMA Katonda
ekitundu kyakyo.
30 Anaakisitulanga n'engalo ze n'akireeta eri MUKAMA Katonda nga kye
kiweebwayo kye ekyokeddwa mu muliro. Amasavu n'ekifuba nabyo

anaabireetanga, n'awuubawuuba ekifuba mu maaso ga MUKAMA, ng'ekyo
kye kiweebwayo ekiwuubibwa.
31 Amasavu kabona anaagokyanga ku kyoto, naye ekifuba kinaabanga
kya Alooni ne batabani be.
32 Ekisambi ekya ddyo kinaawebwanga kabona nga gwe mugabo gwe
oguvudde ku kiweebwayo ky'omuntu oyo olw'emirembe.
33 Mutabani wa Alooni anaabanga awaddeyo omusaayi n'amasavu
eby'ekiweebwayo olw'emirembe, y'anaafunanga ekisambi ekya ddyo nga
gwe mugabo gwe.
34 Ku kiweebwayo olw'emirembe eky'abaana ba Isirayiri, nzigyeko
ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n'ekisambi, ne mbiwa kabona Alooni ne
batabani be, nga gwe gunaabanga omugabo gwabwe ogunaavanga mu
baana ba Isirayiri emirembe gyonna."
35 Guno gwe mugabo nga guva ku biweebwayo eri MUKAMA Katonda
ebyokeddwa mu muliro, ogwagerekerwa Alooni ne batabani be ku lunaku
lwe baaleetebwa eri MUKAMA okumuweereza nga bakabona be.
36 Ku lunaku lwe baafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni, MUKAMA
Katonda yalagira nti abaana ba Isirayiri babibawenga okubeeranga
omugabo gwabwe, ogw'enkalakkalira emirembe gyonna.
37 Eryo lye tteeka n'ebiragiro ebifuga ebiweebwayo ebyokebwa,
ebiweebwayo eby'emmere ey'empeke, n'ebiweebwayo olw'ekibi,
n'ebiweebwayo olw'omusango, n'ebiweebwayo olw'okwawulibwa,
n'ebiweebwayo olw'emirembe,
38 MUKAMA Katonda bye yawa Musa ku lusozi Sinaayi ku lunaku
lwe yalagirirako abaana ba Isirayiri okuleeta ebiweebwayo byabwe eri
MUKAMA Katonda, mu ddungu lya Sinaayi.

# 8

### *Okwawulibwa kwa Alooni ne Batabani be*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Leeta Alooni ne batabani be, n'ebyambalo, n'amafuta
ag'omuzeeyituuni ag'okwawula, ne seddume y'ente ey'ekiweebwayo
olw'ekibi, n'endiga ennume bbiri, n'ekibbo ky'emigaati egitali
mizimbulukuse;
3 okuŋŋaanyize abantu bonna ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu."
4 Musa n'akola nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira; abantu
ne bakuŋŋaanira mu kibiina kinene ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu.
5 Awo Musa n'agamba ekibiina nti, "Kino MUKAMA Katonda
ky'atulagidde okukola."
6 Bw'atyo Musa n'aleeta Alooni ne batabani be n'abanaaza n'amazzi.
7 N'ayambaza Alooni ekkooti, n'amusiba olwesibyo, n'amwambaza omu-
nagiro, n'amwambaza n'ekyambalo ekya efodi, n'amusibya olwesibyo lwa
efodi olwalukibwa n'amagezi amangi, n'amunyweza.
8 N'amuteekako ekyomukifuba, era mu kyomukifuba n'ateekamu Ulimu
ne Sumimu.
9 N'amusiba ekitambaala ku mutwe, ne mu maaso ku kitambaala
n'assaako ekipande ekya zaabu, nga ye ngule entukuvu, nga MUKAMA
Katonda bwe yalagira Musa.

10 Awo Musa n'addira amafuta ag'omuzeeyituuni ag'okwawula, n'agakozesa okwawula Weema ya MUKAMA, ne byonna ebibeeramu nabyo n'abyawula.

11 N'amansira agamu ku mafuta ku kyoto emirundi musanvu, n'ayawula ekyoto ne byonna ebikozesebwako, n'ebbensani ne mw'etuula, okubitukuza.

12 N'afuka agamu ku mafuta ag'okwawula ku mutwe gwa Alooni, n'amwawula, okumutukuza.

13 Awo Musa n'aleeta batabani ba Alooni n'abambaza amakooti, n'abasiba eneesibyo, n'abambaza enkuufiira, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

### *Ebiweebwayo olw'ekibi n'Ebiweebwayo Ebyokebwa olwa Bakabona*

14 Awo n'aleeta seddume ey'ekiweebwayo olw'ekibi; Alooni ne batabani be ne bakwata ku mutwe gwayo.

15 Musa n'agitta, n'addira omusaayi gwayo n'agusiiga n'olugalo lwe ku mayembe ag'oku kyoto okukyebungulula, n'atukuza ekyoto. Omusaayi ogwasigalawo n'aguyiwa wansi w'ekyoto, n'akitukuza, okukitangiririra.

16 Musa n'addira amasavu gonna agaali ku byenda, n'agaali gabisse ku kibumba, n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, byonna n'abyokera ku kyoto.

17 Naye seddume, n'eddiba lyayo, n'ennyama yaayo, n'obusa bwayo, n'abyokera mu muliro ebweru w'olusiisira, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

18 Awo n'aleeta endiga ennume ey'ekiweebwayo ekyokebwa; Alooni ne batabani be ne bakwata ku mutwe gwayo.

19 Musa n'agitta, n'amansira omusaayi gwayo buli wantu ku kyoto.

20 Awo endiga ng'ewedde okusalwasalwa mu bifi, Musa n'ayokya ebifi ebyo n'omutwe gwayo n'amasavu.

21 Ebyenda n'amagulu nga biwedde okunaazibwa n'amazzi, Musa n'alyoka ayokya endiga yonna ku kyoto. Ekyo nga kye kiweebwayo ekyokye eky'akawoowo akasanyusa, nga kiweerwayo ku muliro eri MUKAMA, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

### *Ekiweebwayo olw'Okwawulibwa kwa Bakabona*

22 Awo Musa n'aleeta endiga ennume eyookubiri, nga y'endiga ey'ekiweebwayo olw'okwawulibwa; Alooni ne batabani be ne bagikwata ku mutwe gwayo.

23 Musa n'alyoka agitta, n'addira ku musaayi gwayo n'agusiiga ku kasongezo k'okutu kwa Alooni okwa ddyo, ne ku kinkumu eky'engalo ye ey'omukono ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'okugulu okwa ddyo.

24 Batabani ba Alooni nabo ne baleetebwa, Musa n'asiiga omusaayi ku busongezo bw'amatu gaabwe aga ddyo, ne ku binkumu eby'engalo zaabwe ez'emikono gyabwe egya ddyo, ne ku bigere ebisajja eby'amagulu gaabwe aga ddyo. Musa n'addira omusaayi n'agumansira buli wantu ku kyoto okukyebungulula.

25 N'addira amasavu n'omukira ogwo omusava, n'amasavu gonna agaali ku byenda, n'agaali gabisse ku kibumba, n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, n'ekisambi ekya ddyo;

26 n'alaba mu kibbo omubeera emigaati egitali mizimbulukuse egibeera mu maaso ga MUKAMA Katonda, n'aggyamu akagaati kamu akatali kazimbulukuse, n'akagaati akaakolebwa n'amafuta ag'omuzeeyituuni, n'akasukuuti ak'oluwewere kamu, n'abiteeka ku masavu ne ku kisambi ekya ddyo;

27 ebyo byonna n'abikwasa Alooni ne batabani be mu ngalo zaabwe, ne
babiwuubawuuba mu maaso ga MUKAMA Katonda, nga kye kiweebwayo
ekiwuubibwa.
28 Awo Musa ebyo byonna n'abibaggyako, n'abyokera ku kyoto awamu
n'ekiweebwayo ekyokebwa, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda
eky'okwawulibwa, ekyokebwa mu muliro ne muvaamu akawoowo
akalungi akasanyusa.
29 Era Musa n'addira ekifuba n'akiwuubawuuba, nga kye kiweebwayo
eri MUKAMA ekiwuubibwa. Guno nga gwe mugabo gwa Musa ku ndiga
ennume ey'okwawulibwa, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

### *Ennaku ez'Okwawulibwa*

30 Awo Musa n'addira ku mafuta ag'okwawula ne ku musaayi ogwali
ku kyoto, n'amansira ku Alooni ne ku byambalo bye, ne ku batabani be
awamu ne ku byambalo byabwe. Bw'atyo n'atukuza Alooni n'ebyambalo
bye awamu ne batabani be n'ebyambalo byabwe.
31 Musa n'agamba Alooni ne batabani be nti, "Ennyama mugifumbire
awo ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, era awo we
muba mugiriira awamu n'emigaati egiri mu kibbo omuli ebiweebwayo
olw'okwawulibwa, nga bwe nabalagira nga ŋŋamba nti, 'Alooni ne
batabani be baligirya.'
32 Ebifisseewo ku nnyama ne ku migaati mujja kubyokya mu muliro.
33 Era temufulumanga okuva ku mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu okumala ennaku musanvu, okutuusa
ng'ennaku zammwe ez'okwawulibwa zituukiridde, kubanga okubaawula
kugenda kumala ennaku musanvu.
34 MUKAMA alagidde nti nga bwe kikoleddwa leero bwe kinaakolebwanga
bwe kityo okubatangiririra.
35 Mujja kubeera ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu
emisana n'ekiro okumala ennaku musanvu, nga mukola ebyo MUKAMA
by'abalagidde, si kulwa nga mufa; bwe ntyo bwe ndagiddwa."
36 Bwe batyo Alooni ne batabani be ne bakola ebyo byonna MUKAMA
Katonda bye yalagira ng'abiyisa mu Musa.

# 9

### *Ekiweebwayo olwa Bakabona*

1 Ku lunaku olw'omunaana Musa n'ayita Alooni ne batabani be
n'abakulembeze ba Isirayiri.
2 N'agamba Alooni nti, "Ddira ennyana eya sseddume eweebwayo
olw'ekibi, n'endiga ennume olw'ekiweebwayo ekyokebwa, nga zombi
teziriiko kamogo, oziweeyo ng'ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda.
3 Ogambe abaana ba Isirayiri nti, 'Muddire embuzi ennume eweebwayo
olw'ekibi, n'ennyana n'omwana gw'endiga, nga zino zombi zaakamala
omwaka gumu obukulu era nga teziriiko kamogo, nga za kiweebwayo
ekyokebwa;
4 era n'ente eya sseddume n'endiga ennume eby'ebiweebwayo
olw'emirembe, n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga mulimu
amafuta ag'omuzeeyituuni, byonna mubiweeyo nga kye kiweebwayo eri
MUKAMA Katonda; kubanga ku lunaku lwa leero MUKAMA Katonda ajja
kubalabikira.' "
5 Bwe batyo ne baleeta byonna Musa bye yabalagira okuleeta mu maaso
ga Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Abantu bonna, kye kibiina ekinene,
ne basembera ne bayimirira awali MUKAMA Katonda.

6 Musa n'alyoka abagamba nti, "Kino kye kyo MUKAMA Katonda kye
yabagambye okukola, era ekitiibwa kya MUKAMA kijja kubalabikira."
7 Awo Musa n'agamba Alooni nti, "Sembera ku kyoto oweeyo ekiweeb-
wayo kyo olw'ebyonoono byo, n'ekiweebwayo kyo ekyokebwa, olyoke
weetangiririre awamu n'abantu era oleete ekiweebwayo eky'abantu;
obatangiririre; nga MUKAMA Katonda bwe yalagidde."
8 Awo Alooni n'asembera ku kyoto, n'atta ennyana ey'ekiweebwayo kye
olw'ebyonoono bye.
9 Batabani ba Alooni ne bamuleetera omusaayi, n'annyika olunwe lwe
mu musaayi n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto, n'afuka omusaayi ku
ntobo y'ekyoto.
10 N'addira amasavu n'ensigo n'ebibikka ku kibumba eby'omu kiweeb-
wayo olw'ekibi, n'abyokera ku kyoto, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira
Musa.
11 Ennyama n'eddiba n'abyokera mu muliro ebweru w'olusiisira.
12 Alooni n'atta ekiweebwayo ekyokebwa; batabani be ne bamuleetera
omusaayi, n'agumansira ku kyoto okukyebungulula.
13 Ne bamuleetera ebifi eby'ekiweebwayo ekyokebwa nga n'omutwe
kweguli; byonna n'abyokera ku kyoto.
14 N'ayoza ebyenda n'amagulu, n'abyokera wamu n'ekiweebwayo
ekyokebwa ku kyoto.

### *Ekiweebwayo olw'Abantu*

15 Awo Alooni n'aleeta ekiweebwayo olw'abantu. Yaddira
embuzi ey'ekiweebwayo olw'ebibi by'abantu n'agitta, n'agiwaayo
ng'ekiweebwayo kye olw'ekibi, kye yasooka olw'ebibi bye.
16 N'aleeta ekiweebwayo ekyokebwa n'akiwaayo ng'etteeka bwe lira-
gira.
17 N'aleeta ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke, n'ayoolamu olubatu,
n'akyokya ku kyoto okuliraana n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'omu
makya.
18 Ente ya sseddume n'endiga ennume nazo n'azitta, nga bye biweeb-
wayo olw'emirembe eby'abantu; batabani ba Alooni ne bamuleetera
omusaayi, n'agumansira ku kyoto okukyebungulula enjuuyi zonna.
19 Naye amasavu ag'ente eya sseddume n'ago ag'endiga ennume,
n'amasavu ag'oku mukira, n'ago agabikka ku byenda, n'ensigo,
n'agabikka ku kibumba,
20 ne bateeka amasavu gaabyo ku bifuba by'ensolo ezo, n'ayokya
amasavu ago ku kyoto;
21 naye ebifuba n'ekisambi ekya ddyo, Alooni n'abiwuubawuuba mu
maaso ga MUKAMA Katonda nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa, nga Musa
bwe yalagira.
22 Awo Alooni n'awanikira abantu emikono gye, n'abasabira omuk-
isa. Bw'atyo Alooni ng'amaze okuwaayo ekiweebwayo olw'ekibi,
n'ekiweebwayo ekyokebwa, n'ekiweebwayo olw'emirembe, n'avaayo ku
kyoto.
23 Musa ne Alooni ne bayingira mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
Bwe baafuluma ne basabira abantu omukisa, era ekitiibwa kya MUKAMA
Katonda ne kirabikira abantu bonna.
24 Omuliro ne gujja nga guva eri MUKAMA Katonda ne gumalirawo ddala
ekiweebwayo ekyokebwa n'amasavu ebyali ku kyoto. Awo abantu bonna
bwe baakiraba ne baleekaana ne bagalamira wansi ng'amaaso gaabwe
gali ku ttaka.

# 10

### *Okufa kwa Nadabu ne Abiku*

1 Awo olwatuuka, batabani ba Alooni, Nadabu ne Abiku ne beetwalira
buli omu ekyoterezo kye, ne bateekamu omuliro, ne bassaako obubaane,
ne bawaayo eri MUKAMA Katonda omuliro ogutali mutukuvu, ne basobya
ekiragiro kye.
2 Omuliro ne guva eri MUKAMA ne gubookya, ne bafiira awo mu maaso
ga MUKAMA Katonda.
3 Awo Musa n'agamba Alooni nti, Kino MUKAMA Katonda kye yayogerako
bwe yagamba nti,
" 'Nzija kweyolekanga nga bwe ndi omutukuvu
eri abo abansemberera,
era nassibwangamu ekitiibwa
abantu bonna.' "
Alooni n'asirika busirisi.
4 Awo Musa n'ayita Misayeri ne Erizafani, abaana ba Wuziyeeri kitaawe
omuto owa Alooni, n'abagamba nti, "Mujje wano musitule emirambo
gya baganda bammwe mugiggye wano awatukuvu mugitwale ebweru
w'olusiisira."
5 Bwe batyo ne bajja ne basitula baganda baabwe abo nga bwe baali
bayambadde ne babatwala ebweru w'olusiisira nga Musa bwe yabagamba.
6 Awo Musa n'agamba Alooni, ne Eriyazaali ne Isamaali, batabani ba
Alooni, nti, "Mmwe temusumulula nviiri zammwe okuzita ne zireebeeta
era temuyuza byambalo byammwe nga mukungubaga, kubanga muyinza
okufa, n'obusungu bwa MUKAMA Katonda buyinza okubuubuukira abantu
bonna. Naye baganda bammwe, ye nnyumba yonna eya Isirayiri,
babakaabire abo MUKAMA Katonda b'azikirizza n'omuliro.
7 Era temuva ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
temulwa kufa; kubanga muliko amafuta ag'omuzeeyituuni ga MUKAMA
Katonda ag'okwawula." Ne bakola nga Musa bwe yabalagira.

### *Bakabona bye Basaana Okwegendereza*

8 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Alooni nti,
9 "Ggwe ne batabani bo bwe muyingiranga mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu temunywanga envinnyo oba ekyokunywa
ekirala kyonna ekitamiiza; bwe mulikikola temulirema kufa. Eryo
linaabanga tteeka ery'enkalakkalira ne mu mirembe gyonna egigenda
okujja.
10 Mwawulengamu ebitukuvu n'ebyabulijjo, ebirongoofu n'ebitali birongoofu;
11 era kibasaanidde okuyigirizanga abaana ba Isirayiri amateeka gonna
MUKAMA Katonda g'abawadde ng'agayisa mu Musa."

### *Etteeka ery'Okulya Emmere Entukuvu*

12 Awo Musa n'agamba Alooni ne Eriyazaali ne Isamaali, batabani
ba Alooni abaali basigaddewo, nti, "Mutwale ekiweebwayo eky'emmere
ey'empeke ekyasigaddewo ku biweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Katonda nga si kizimbulukuse, mukiriire okumpi n'ekyoto kubanga kitukuvu
nnyo.
13 Mukiriire mu kifo ekitukuvu, kubanga gwe mugabo gwo, era gwe
mugabo gw'abatabani bo, nga guva ku kiweebwayo eri MUKAMA Katonda
ekyokebwa; bwe ntyo bwe ndagiddwa.

14 Naye ekifuba ekiwuubibwa n'ekisambi ekiweebwayo munaabiriira
mu kifo kyonna kye munaalaba ekirongoofu; mubirye, ggwe ne batabani
bo ne bawala bo b'oli nabo; kubanga bibaweereddwa ng'omugabo
gwammwe, ggwe n'abaana bo, nga biva ku biweebwayo olw'emirembe
ebiweereddwayo abaana ba Isirayiri.
15 Ekisambi ekiweereddwayo n'ekifuba ekiwuubibwa, binaaleetebwa
awamu n'amasavu ag'oku biweebwayo ebyokebwa, ne biwuubibwawu-
ubibwa nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa awali MUKAMA, era ki-
naabeeranga mugabo gwo awamu ne batabani bo emirembe gyonna; nga
MUKAMA Katonda bw'alagidde."
16 Awo Musa n'abuuliriza ebyali bifudde ku mbuzi ey'ekiweebwayo
olw'ekibi, n'avumbula nga baagyokezza dda, n'anyiigira batabani ba
Alooni abaali basigaddewo, Eriyazaali ne Isamaali, n'ababuuza nti,
17 "Lwaki ekiweebwayo ekyo olw'ekibi temwakiriiridde, wali
awatukuvu? Kitukuvu nnyo. Kyabaweereddwa kiryoke kiggyiseeko
abantu bonna ebibi byabwe, nga mmwe mubatangiririra awali MUKAMA
Katonda.
18 Ng'omusaayi gwayo bwe gutaatwaliddwa munda mu Kifo Ekitukuvu,
embuzi eyo ddala mwandigiriiridde awo awatukuvu nga bwe nabalagira."
19 Awo Alooni n'addamu Musa nti, "Laba, olwa leero bawaddeyo eri
MUKAMA Katonda ekiweebwayo olw'ebibi byabwe n'ekiweebwayo kyabwe
ekyokebwa; naye era ebintu nga bino ne bingwako. MUKAMA Katonda
yandisanyuse singa leero ndidde ekiweebwayo olw'ekibi?"
20 Awo Musa bwe yawulira ebigambo ebyo n'amatira.

# 11

*Etteeka ku Bisolo Ebirongoofu*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Mutegeeze abaana ba Isirayiri nti bino bye biramu bye munaayin-
zanga okulya mu bisolo byonna eby'oku nsi.
3 Munaayinzanga okulya ensolo yonna erina ekigere ekyaseemu nga
kyeyawulidde ddala, era ng'ezza obwenkulumu.
4 Kyokka ezo ezizza obwenkulumu bwokka, oba ezirina ebigere
ebyaseemu byokka, temuziryanga. Ggamba eŋŋamira, newaakubadde
ng'ezza obwenkulumu naye ebigere byayo si byaseemu; noolwekyo si
nnongoofu.
5 N'omusu nagwo guzza obwenkulumu, naye ebigere byagwo si
byaseemu; noolwekyo si mulongoofu.
6 Ate n'akamyu ak'omu nsiko, newaakubadde nako kazza obwenku-
lumu naye ebigere byako si byaseemu, noolwekyo si kalongoofu, era
temukalyanga.
7 Ate mulabe embizzi, newaakubadde ng'ekigere kyayo kyaseemu,
ate nga kyeyawulidde ddala, naye tezza bwenkulumu; noolwekyo si
nnongoofu gye muli.
8 Ebisolo ng'ebyo temulyanga nnyama yaabyo, wadde okukwatako ku
mirambo gyabyo; kubanga si birongoofu gye muli.
9 "Ku biramu ebiri mu mazzi ag'omu nnyanja n'ag'omu migga mulyan-
gako ebyo ebirina amatu awamu n'amagagamba ku mubiri gwabyo.
10 Ebiramu byonna ebyekuluumulira mu nnyanja ne mu migga naye nga
tebiriiko matu oba magagamba binaabanga bya muzizo gye muli.

11 Nga bwe binaabanga eby'omuzizo gye muli, temuulyenga ku nnyama
yaabyo, era n'emirambo gyabyo ginaabanga gya muzizo.
12 Buli kiramu kyonna ekibeera mu mazzi naye nga tekiriiko matu
wadde amagagamba kinaabanga kya muzizo gye muli.
13 "Mu nnyonyi, zino ze z'omuzizo era temuuziryenga: empungu,
ensega, makwanzi,
14 kamunye, eddiirawamu erya buli ngeri,
15 ne namuŋŋoona owa buli ngeri;
16 maaya, olubugabuga, olusobe, enkambo eza buli ngeri,
17 ekiwuugulu, enkobyokkobyo, ekkufufu,
18 ekiwuugulu eky'amatu, ne kimbala, ensega,
19 kasida, mpabaana owa buli ngeri, ekkookootezi, n'ekinyira.
20 "Ebiwuka byonna ebirina ebiwaawaatiro nga bitambuza amagulu ana
binaabanga bya muzizo gye muli.
21 Naye mu biwuka ebyo ebirina ebiwaawaatiro era nga bitambuza
amagulu ana munaalyangamu ebyo ebirina ennyingo ku magulu gaabyo
ebigenda nga bibuuka amacco ku ttaka.
22 Mu ebyo bino bye munaalyanga: enzige eza buli ngeri, n'enseenene
eza buli ngeri, n'obunyeenyenkule obwa buli ngeri, n'amayanzi aga buli
ngeri.
23 Naye ebiwuka ebirala byonna eby'ebiwaawaatiro nga birina amagulu
ana binaabanga bya muzizo gye muli.

### *Etteeka ku Bisolo Ebitali Birongoofu*

24 "Bino nabyo binaabafuulanga abatali balongoofu; buli anaakwatanga
ku mulambo gw'ensolo nga zino anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa
akawungeezi.
25 Era buli anaasitulanga ekitundu kyonna eky'omulambo gwazo
anaateekwanga okwoza engoye ze, kyokka era anaabanga afuuse atali
mulongoofu okutuusa akawungeezi.
26 "Buli nsolo yonna erina ekigere ekyaseemu naye nga tekyeyawulidde
ddala, oba nga tezza bwenkulumu, eneebanga ya muzizo gye muli. Buli
anaakwatanga ku mulambo gwazo anaabanga afuuse atali mulongoofu.
27 Mu nsolo zonna ezitambulira ku magulu ana, ezo ezitambulira
ku bibatu byazo teziibenga nnongoofu gye muli, buli muntu anaak-
watanga ku mulambo gwazo anaabanga afuuse atali mulongoofu okutu-
usa akawungeezi.
28 Era n'oyo anaasitulanga omulambo gwazo anaayozanga engoye ze;
naye era anaabanga afuuse atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
Teziibenga nnongoofu gye muli.
29 "Mu nsolo ezigenda zisoobera ku ttaka; zino teziibenga nnongoofu gye
muli: eggunju, emmese, amakonkome amanene aga buli ngeri;
30 anaka, enswaswa, omunya, ekkonkome, ne nnawolovu.
31 Mu ezo zonna ezisoobera ku ttaka ezo teziibenga nnongoofu gye
muli. Era buli anaazikwatangako nga zimaze okufa anaabanga afuuse
atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
32 Era emu ku zo bw'eneefanga n'egwa ku kintu eky'engeri yonna
ekikozesebwa, ekintu ekyo kinaafuukanga ekitali kirongoofu, obanga
ekintu ekyo kyakolebwa mu muti, oba mu lugoye, oba mu ddiba oba
mu kkutiya. Kiteekebwenga mu mazzi. Tekiibenga kirongoofu okutuusa
akawungeezi; kyokka oluvannyuma kinaalongookanga.

33 Era emu ku zo bw'eneegwanga mu nsaka ey'ebbumba, byonna
ebiri mu nsaka omwo binaafuukanga ebitali birongoofu, era ensaka eyo
muteekwa buteekwa okugyasanga.
34 Emmere eneebanga egenda okuliibwa naye n'ebaako amazzi
agavudde mu nsaka omwo, teebenga nnongoofu, n'amazzi agandinyw-
ereddwa okuva mu nsaka omwo tegaabenga malongoofu.
35 Era buli kintu kyonna omulambo gw'ensolo zino kwe gunaabanga
gugudde ku masiga okufumbirwa oba mu ntamu, binaayasibwayasib-
wanga, kubanga si birongoofu; era tebiibenga birongoofu gye muli.
36 Naye bwe gunaagwanga mu luzzi oba mu ppipa y'amazzi, ebyo byo
binaasigalanga birongoofu; naye oyo yenna anaakwatanga ku mulambo
ogwo taabenga mulongoofu.
37 Singa omulambo gugwa ku nsigo ez'engeri yonna ezigenda okusim-
bibwa, zinaasigalanga nnongoofu.
38 Naye singa ensigo ziyiyibbwako amazzi, omulambo ne guzigwako,
teziibenga nnongoofu gye muli.
39 "Singa ensolo yonna ku ezo ze mukkirizibwa okulya efa, oyo yenna
anaakwatanga ku mulambo gwayo anaabanga atali mulongoofu okutuusa
akawungeezi.
40 Oyo anaalyanga ku nnyama y'omulambo kinaamusaaniranga okwoza
engoye ze, era taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi. Oyo yenna
anaasitulanga omulambo, kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, naye
taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi.
41 "Buli kitonde kyonna ekitambulira ku ttaka kinaabanga kya muzizo,
temuukiryenga.
42 Temuulyenga kitonde kyonna ekyekululira ku ttaka, obanga kye-
walulira ku lubuto lwakyo, oba nga kitambuza amagulu, oba nga kikozesa
ebigere bingi; kinaabanga kya muzizo.
43 Temuganyanga kwonoonebwa bitonde ebyo n'ekimu. Temubikoze-
sanga temulwa kweyonoona, era temubikkirizanga kubafuula abatali
balongoofu.
44 Kubanga Nze MUKAMA Katonda wammwe, kale mwetukuzanga ne
mubeera batukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu. Temwesemberezanga
ebitonde ebyo ebitambulira ku ttaka ne bibafuula abatali balongoofu.
45 Kubanga Nze MUKAMA eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, okubeera
Katonda wammwe; noolwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu,
kubanga Nze ndi mutukuvu.
46 "Ago ge mateeka agakwata ku nsolo, ne ku nnyonyi, ne ku buli kiramu
kyonna eky'omu mazzi, ne ku buli kitonde kyonna ekyewalulira ku ttaka.
47 Kibasaaniranga mwawulemu, mu bitonde ebiramu ebirongoofu
ebisaana okuliibwanga, ne mu bitonde ebiramu ebitali birongoofu
ebitasaana kuliibwanga."

# 12

*Okutukuzibwa Oluvannyuma lw'Okuzaala*

1 MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Abaana ba Isirayiri bagambe nti, 'Omukazi bw'anaabanga olubuto,
n'azaala omwana nga wabulenzi, omukazi oyo taabenga mulongoofu
okumala ennaku musanvu, okufaanana nga bw'atabeera mulongoofu
ng'ali mu kiseera ky'okulwala kw'abakazi okwa buli mwezi.

3 Ku lunaku olw'omunaana omwana oyo omulenzi anaakomolebwanga.
4 Ate omukazi anaalindanga ne wayitawo ennaku amakumi asatu
mu ssatu alyoke atukuzibwe olw'omusaayi ogwamuvaamu ng'azaala.
Taakwatenga ku kintu ekitukuvu wadde okuyingiranga mu watukuvu
okutuusa ng'ennaku z'okutukuzibwa kwe ziweddeko.
5 Naye bw'anaabanga azadde omwana wabuwala, omukazi taabenga
mulongoofu okumala wiiki bbiri, nga bw'abeera ng'ali mu kiseera kye
eky'okulwala kw'abakazi okwa buli mwezi. Ate anaalindanga ennaku
nkaaga mu mukaaga alyoke alongoosebwe olw'omusaayi ogwamuvaamu
ng'azaala.
6 " 'Ennaku z'omukazi oyo ez'okutukuzibwa bwe zinaggwangako,
bw'anaabanga azadde omwana mulenzi oba muwala, anaaleetanga
eri kabona ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
omwana gw'endiga oguwezezza omwaka gumu obukulu okuguwaayo
ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ng'enjiibwa ento oba ejjiba ng'ekiweebwayo
olw'ekibi.
7 Kabona anaabiwangayo eri MUKAMA okutangirira omukazi oyo;
bw'atyo anaabeeranga mulongoofu olw'omusaayi ogwamuvaamu
ng'amaze okuzaala.
" 'Ago ge mateeka agakwata ku mukazi anaazaalanga omwana owoob-
ulenzi oba owoobuwala.
8 Bw'anaabanga tasobola kuwaayo mwana gwa ndiga, anaaleetanga
bibiri bibiri ku bino: enjiibwa ento bbiri oba amayiba abiri, ekimu nga
ky'ekiweebwayo ekyokebwa n'ekirala nga ky'ekiweebwayo olw'ekibi. Mu
ngeri eno kabona anaamutangiririranga, bw'atyo n'afuuka mulongoofu.' "

# 13

### *Amateeka ku Ndwadde Ez'oku Lususu Ezikwata*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Omuntu yenna bw'anaabanga n'akazimbye ku lususu lw'omubiri
gwe, oba awabutuse, oba awali akatulututtu, ne wafaanana ng'awali
endwadde ey'ebigenge, aleetebwenga eri Alooni kabona, oba eri omu ku
batabani be bakabona.
3 Kabona anaakeberanga ekifo ekyo awazimbye ku lususu,
bw'anaasanganga ng'obwoya obuli awo awazimbye bufuuse bweru,
ate nga awalwadde wennyise okusinga olususu lw'omubiri gw'omuntu
oyo, ng'olwo ebyo bigenge. Kabona bw'anaamalanga okumukebera
anaalangiriranga nti omuntu oyo si mulongoofu.
4 Naye awazimbye bwe wanaabanga walungudde, naye nga tewennyise
okusinga olususu lw'omubiri gwe, ate nga n'obwoya mu wazimbye awo
tebufuuse bweru, kabona anaasibiranga omuntu oyo omulwadde mu
kalantiini okumala ennaku musanvu.
5 Ku lunaku olw'omusanvu kabona anaakeberanga omuntu oyo;
bw'anaasanganga ng'awazimbye teweeyongedde, era nga n'obulwadde
obwo tebusaasaanye ku lususu, anaayongeranga okumusibira mu kalan-
tiini ennaku endala musanvu.
6 Ku lunaku olw'omusanvu kabona anaddangamu okumukebera, kale
bw'anaasanganga ng'obuzimbu tebukyalabika nnyo, era obulwadde obwo
nga tebusaasaanye ku lususu, anaamulangiriranga nti mulongoofu;
kubanga kubadde kubutuka bubutusi. Omuntu oyo anaayozanga engoye
ze, era anaabanga mulongoofu.

7 Naye okubutuka okwo bwe kunaasaasaananga ku lususu oluvannyuma
lw'okweyanjula eri kabona amulangirire nti mulongoofu, anaateekwanga
okuddayo eri kabona yeeyanjule buto.
8 Kabona anaamukeberanga, bw'anaasanganga ng'okubutuka
kusaasaanye ku lususu ku mubiri, kabona anaamulangiriranga nti si
mulongoofu; ng'ebyo bigenge.

### *Amateeka g'Ebigenge ne kwe Bitegeererwa*

9 "Omuntu yenna bw'anaakwatibwanga ebigenge, anaaleetebwanga eri
kabona.
10 Kabona anaamukeberanga, bw'anaasangangawo obuzimbu obweru
ku lususu nga bwerusizza n'obwoya, era awazimbye nga waliwo
n'ennyama y'omubiri erungudde,
11 ebyo binaabanga bigenge eby'olutentezi ku lususu lw'omubiri
gw'omuntu oyo, era kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu.
Taasibibwenga mu kalantiini, kubanga amaze okutegeererwawo nga
bw'atali mulongoofu.
12 "Naye singa ebigenge bisaasaana ku lususu ne bituuka wonna
wonna okuva ku mutwe gw'omuntu oyo okutuuka ku bigere nga kabona
bw'asobola okulaba,
13 kale kabona anaakeberanga omuntu oyo; bwe kinaazuulibwanga
ng'ebigenge bibunye omubiri gw'omuntu oyo gwonna, anaamulangiri-
ranga nga bw'ali omulongoofu; kubanga omubiri gwe gwonna gufuuse
mweru, oyo mulongoofu.
14 Naye ku lususu lw'omuntu oyo bwe kunaalabikangako ennyama
erungudde taabenga mulongoofu.
15 Kabona anaakeberanga ennyama eyo erungudde, n'amulangirira
nga bw'atali mulongoofu. Ennyama erungudde si nnongoofu, kubanga
bigenge.
16 Naye singa ennyama erungudde ekyuka n'efuuka enjeru, omuntu oyo
anajjanga eri Kabona.
17 Kabona anaamukeberanga, bw'anaazuulanga ng'olususu olulwadde
lufuuse lweru, anaalangiriranga omulwadde oyo okuba omulongoofu;
bw'atyo anaabanga mulongoofu.
18 "Omuntu bw'anaabanga alwadde ejjute ku lususu lwe, naye ne
liwona,
19 kyokka mu kifo awaali ejjute ne wajjawo obuzimbu obweru oba
akatulututtu akatwakaavu, wasaana walagibwe kabona.
20 Kabona anaakeberangawo, bw'anaasanganga nga wennyise okusinga
olususu, nga n'obwoya bwawo bufuuse bweru; kale kabona analangiri-
ranga omuntu oyo nga bw'atali mulongoofu. Obwo bulwadde bwa bigenge
ebifulumidde awo awaali ejjute.
21 Naye kabona bw'anaakeberangawo, n'asanga ng'obwoya obuliwo si
bweru, ate nga tewennyise okusinga olususu era nga tewakyalabika nnyo,
kale kabona anaasibanga omuntu oyo mu kalantiini okumala ennaku
musanvu.
22 Naye obulwadde obwo bwe bunaasaasaananga ku lususu, kale kabona
analangiriranga omuntu oyo nti si mulongoofu, ebyo nga bigenge.
23 Naye obuzimbu bwe bunaasigalanga mu kifo kimu ne butasaasaana,
eyo eneebanga nkovu ya jjute, era kabona anaalangiriranga omuntu oyo
nti mulongoofu.

24 “Singa wabaawo ku lususu lw’omuntu awayidde omuliro, awo awali
ennyama eyidde ne wazimba, ne wafuuka watwakaavu oba weeru,
25 kabona anaakeberangawo, obwoya bwawo bwe bunaabanga bufuuse
bweru, ate nga walabika ng’awennyise okusinga olususu, ebyo nga
bigenge bye bifulumye ku lususu oluyidde. Kabona anaalangiriranga
omuntu oyo nti si mulongoofu; ebyo binaabanga bigenge.
26 Naye kabona bw’anaakeberanga awo awayidde, n’asanga ng’obwoya
obuliwo si bweru, era nga tewennyise kusinga lususu, naye nga tewakyal-
abika nnyo, kabona anaasibiranga omuntu oyo mu kalantiini okumala
ennaku musanvu.
27 Ku lunaku olw’omusanvu kabona anaamukeberanga, kale
bw’anaasanganga ng’obulwadde busaasaana ku lususu, kabona
anaamulangiriranga nti si mulongoofu; ebyo nga bigenge.
28 Naye obulwadde bwe bunaasigalanga mu kifo ekimu ne butasaasaana
ku lususu, era ng’awazimbu tewakyalabika nnyo, buno bunaabanga
buzimbu obuleeteddwa omuliro ogwayokyawo; kale kabona anaamulan-
giriranga nti mulongoofu; kubanga eyo y’enkovu ku lususu awaayokebwa
omuliro.
29 “Omusajja oba omukazi bw’anaalwalanga ebbwa ku mutwe oba ku
kalevu,
30 kabona anaakeberanga ebbwa eryo, bwe linaabanga lyennyise
okusinga olususu, nga n’obwoya obulirimu bwa kyenvu ate nga bwa
matalaga; kale kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu; eryo nga
lye bbwa erisiiwa, nga bye bigenge eby’oku mutwe oba eby’oku kalevu.
31 Kabona bw’anaakeberanga ebbwa erisiiwa, n’asanga nga teryennyise
kuyisa lususu, ate nga mu lyo nga temuliimu bwoya buddugavu, kale
kabona anaasibiranga omuntu oyo alina ebbwa erisiiwa mu kalantiini
amalemu ennaku musanvu.
32 Ku lunaku olw’omusanvu kabona anaakeberanga ebbwa eryo,
bw’anaasanganga ng’okusiiwa tekusaasaanye, ate nga mu bbwa temuli-
imu bwoya bwa kyenvu, era ng’awasiiwa tewennyise kusinga lususu,
33 omuntu oyo asaananga amwebwe okuggyako awo awalwadde wokka;
ate kabona anaamusibiranga mu kalantiini ennaku endala musanvu.
34 Ku lunaku olw’omusanvu kabona anaakeberanga awo awasiiwa,
okusiiwa bwe kunaabanga tekusaasaanye ku lususu, ate nga tewennyise
kusinga lususu, kale, kabona anaalangiriranga omuntu oyo nga bw’ali
omulongoofu; era omuntu oyo anaayozanga engoye ze n’abeera mulon-
goofu.
35 Naye okusiiwa bwe kunaasaasaananga ku lususu ng’amaze okulon-
gooka,
36 kabona anaayongeranga okumukebera, bw’anaasanganga
ng’okusiiwa kusaasaanye ku lususu, kabona taanoonyenga bwoya bwa
kyenvu mu bbwa eryo; omuntu oyo si mulongoofu.
37 Naye mu kulaba kwa kabona, okusiiwa bwe kunaabanga tekwey-
ongedde, nga n’obwoya obwa kyenvu bukuze mu bbwa, olwo ng’okusiiwa
kuwonye, era omuntu oyo nga mulongoofu era kabona naye anaamulan-
giriranga nti mulongoofu.
38 “Omusajja oba omukazi bw’anaabanga n’obutulututtu obweru ku
mubiri gwe,
39 kabona anaamukeberanga, bw’anaasanganga ng’obutulututtu
bweruyeru, okwo kuba kubutukabutuka okuyiise ku lususu lw’omuntu
oyo, ye aba mulongoofu.

40 “Omusajja bw’anaakuunyuukangako enviiri ze ku mutwe gwe zonna,
anaabeeranga kyemwa, naye nga mulongoofu.
41 Era omusajja bw’anaakuunyuukangako enviiri ze ez’omu maaso nga
ku kyenyi, oyo anaabanga wa kiwalaata eky’omu bwenyi, kyokka nga
mulongoofu.
42 Naye mu mutwe omutali nviiri oba mu kiwalaata eky’omu bwenyi
bwe munaabangamu akafo akalwadde ebbwa nga kalungudde keeruyeru
nga kalimu obumyufumyufu, ebyo nga bigenge bye bifulumye mu mutwe
ogutaliimu nviiri oba mu kiwalaata eky’omu bwenyi.
43 Kale kabona anaakeberanga omuntu oyo, bw’anaasanganga ng’akafo
ako awalwadde ebbwa era awazimbye mu mutwe oguweddemu enviiri
oba mu kiwalaata ekiri mu bwenyi, nga kalungudde era nga weeruyeru
nga kalimu obumyufumyufu, nga walabika ng’ebigenge bwe biba nga biri
ku lususu olw’omubiri,
44 omuntu oyo anaabanga mugenge, nga si mulongoofu. Kabona
anaamulangiriranga nga bw’atali mulongoofu, olw’obulwadde obwo mu
mutwe gwe.
45 “Omuntu anaalwalanga ebigenge anaayambalanga engoye njulifu,
n’enviiri z’oku mutwe gwe anaazirekanga ne zikula ne ziduumuuka,
anaabikkanga ku mumwa gwe ogw’engulu n’atambula nga bw’aleekaana
nti, ‘Siri mulongoofu! Siri mulongoofu!’
46 Ebbanga lyonna omuntu ly’anaamalanga ng’alina obulwadde obwo
anaabeeranga si mulongoofu. Anaasulanga yekka mu nnyumba ye
ebweru w’olusiisira.

### *Ebigenge mu Byambalo*

47 “Obulwadde bw’ebigenge bwe bunaalabikanga mu byambalo
by’omusajja oba eby’omukazi, ebyambalo ebyo nga bikoleddwa mu byoya
by’endiga oba mu bafuta oba maliba,
48 oba mu nfunyiro ne mu ntabiro z’ebyambalo by’ebyoya by’endiga,
oba mu bafuta oba mu maliba, oba mu kyambalo ekya buli ngeri yonna
ekitungiddwa mu maliba;
49 era obulwadde obwo bwe bunaalabikanga nga bwa langi ya kira-
galalagala oba myufumyufu, nga buli mu kyambalo oba mu nfunyiro oba
mu ntabiro zaakyo, oba mu kyambalo kyonna ekitungiddwa mu maliba;
obwo nga bulwadde bwa bigenge, era bunaalagibwanga kabona.
50 Kabona anaakeberanga obulwadde obwo, anaasibiranga ekintu ekyo
omuli obulwadde mu kalantiini okumala ennaku musanvu.
51 Ku lunaku olw’omusanvu kabona anaakeberanga obulwadde obwo.
Bw’anaasanganga ng’obulwadde obwo bauaasanye mu kyambalo, mu
nfunyiro oba mu butungiro oba mu maliba, oba mu kyonna ekitungiddwa
mu maliba, ng’amanya ng’obulwadde obwo bwa bigenge ebitta n’omuntu;
ekyo ekyambalo nga si kirongoofu.
52 Kabona anaayokyanga ebyambalo ebyo, obanga obulwadde buli mu
nfunyiro oba mu ntabiro ez’ebyambalo ebya bafuta oba eby’ebyoya
by’endiga, oba ebirala byonna ebitungiddwa mu maliba, kubanga obwo
bwe bulwadde bw’ebigenge ebittira ddala. Ebyambalo ebyo binaayokeb-
wanga mu muliro.
53 “Kabona bw’anaabanga akebedde ekyambalo ekirimu obulwadde,
n’asanga nga tebusaasaanye mu kyambalo, ne mu nfunyiro zaakyo, oba
ne mu ntabiro, oba ne mu kyonna ekitungiddwa mu maliba,

54 kale kabona anaalagiranga ne bayoza ekyambalo ekyo omuli obulwadde, n'ayongera okukisibira mu kalantiini ennaku endala musanvu.
55 Awo kabona anaakeberanga ekyambalo ekyo ekyoze, bw'anaasanganga ng'erangi y'akafo awali obulwadde tekyuse, newaakubadde ng'obulwadde tebusaasaanye, ekyambalo ekyo nga si kirongoofu. Mukyokyanga mu muliro, awali ebigenge ne bwe wanaabanga mu kyambalo mu maaso oba mu mabega gaakyo.
56 Naye kabona bw'anaakeberanga n'asanga nga bwe bamaze okwoza ekyambalo, akafo ako awali obulwadde tekakyalabika nnyo, akafo ako anaakayuzangamu mu kyambalo ekyo, oba mu ddiba oba mu kiruke kyonna ekyambalwa.
57 Naye obulwadde obwo bwe bunaalabikanga nate mu kyambalo, oba mu kyambalo eky'eddiba oba ekiruke, nga busaasaanye, kale munaayokyanga mu muliro ekyambalo ekyo omuli obulwadde.
58 Naye mu kyambalo kyonna, oba ekyambalo eky'eddiba oba ekiruke, obulwadde bwe buggwangamu nga kimaze okwozebwa, kale kinaayozebwanga omulundi ogwokubiri, ne kiba kirongoofu."
59 Eryo lye tteeka ery'obulwadde bw'ebigenge mu byambalo by'ebyoya by'endiga, oba linena, oba ebiruke obulusi, oba ebitunge mu maliba mu ngeri ezitali zimu, erinaasinziirwangako okulangirira obanga ekyambalo kirongoofu oba si kirongoofu.

# 14

*Abagenge Okufuulibwa Abalongoofu*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Lino lye tteeka erinaagobererwanga ku lunaku omugenge lw'anaafuulibwanga omulongoofu mu ngeri entongole ng'aleeteddwa eri kabona.
3 Kabona anaafulumanga n'agenda ebweru w'olusiisira n'akebera omuntu oyo. Awo bw'anaasanganga ng'obulwadde bw'ebigenge* bumuwonyeeko,
4 kabona anaalagiranga okuleetera omuntu oyo agenda okufuulibwa omulongoofu, ebinyonyi bibiri ebiramu ebirongoofu, n'omuti omwerezi, n'oluwuzi olumyufu, n'ezobu.
5 Kabona anaalagiranga okuttira emu ku nnyonyi ziri ebbiri waggulu w'amazzi amalungi agali mu luggyo.
6 Anaddiranga ennyonyi ennamu, awamu n'omuti omwerezi, n'oluwuzi olumyufu, n'ezobu, byonna ebyo n'abinnyika mu musaayi gw'ennyonyi enettirwanga waggulu w'amazzi amalungi.
7 Anaamansiranga omusaayi emirundi musanvu ku oyo omulwadde w'ebigenge agenda okufuulibwa omulongoofu; era anaamulangiriranga nti mulongoofu. Ekinyonyi kiri ekiramu, kabona anaakirekanga n'ekibuuka n'ekigenda.
8 Omuntu oyo anaabanga agenda okufuulibwa omulongoofu anaayozanga engoye ze, n'amwako enviiri ze, n'anaaba mu mazzi, n'abeera mulongoofu. Ebyo nga biwedde anaayingiranga mu lusiisira, naye ajjanga kumala ennaku musanvu ng'asula bweru wa weema ye.

* **14:3** ebigenge Mu Lwebbulaniya, kiyinza okutegeeza n'endwadde endala ez'olususu

9 Ku lunaku olw'omusanvu omuntu oyo anaayongeranga okumwa ku
mutwe gwe enviiri ze zonna, anaamwangako n'ebirevu bye, n'ebisige
bye, n'obwoya obulala bwonna obumwebwa. Ate anaayozanga engoye ze,
n'anaaba omubiri gwe gwonna mu mazzi, bw'atyo n'afuuka mulongoofu.
10 "Ku lunaku olw'omunaana anaaleetanga abaana b'endiga abalume
babiri abataliiko kamogo, n'omwana gw'endiga omuluusi nga gwa mwaka
gumu ogw'obukulu, n'aleeterako n'obuwunga obulungi obw'emmere
ey'empeke obuweza kilo ssatu obw'ekiweebwayo, ng'abutabudde mu
mafuta, n'aleeterako n'ebbakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni eweza desi-
moolo ssatu eza lita.
11 Awo kabona ow'okulangiriranga omuntu oyo okuba omulongoofu,
anaamuleetanga, awamu n'ebiweebwayo bye, awali MUKAMA Katonda mu
mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
12 Awo kabona anaddiranga omu ku baana b'endiga omulume
n'aguwaayo awamu n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni,
ng'ekiweebwayo olw'omusango, anaabiwuubanga ng'ekiweebwayo eri
MUKAMA Katonda ekiwuubibwawuubibwa.
13 Omwana gw'endiga ogwo anaaguttiranga mu kifo ekitukuvu, eki-
weebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo ekyokebwa we bittirwa. Okufaanana
ng'ekiweebwayo olw'ekibi, ekiweebwayo olw'omusango nakyo kinaa-
banga kya kabona; nga kitukuvu nnyo.
14 Awo kabona anaatoolanga ku musaayi ogw'ekiweebwayo
olw'omusango n'agusiiga ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo
anaabeeranga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu eky'engalo
ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe
okwa ddyo.
15 Kabona anaddiranga ku mafuta ag'omuzeeyituuni ag'omu pakuli
n'agafukako mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono,
16 anannyikanga olunwe lwe olwa ddyo mu mafuta ag'omuzeeyituuni
agali mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, n'amansira n'olunwe lwe
ku mafuta ag'omuzeeyituuni emirundi musanvu awali MUKAMA Katonda.
17 Kabona anaddiranga agamu ku mafuta ag'omuzeeyituuni aganaa-
banga gasigadde mu kibatu kye n'agasiiga ku lukugiro lw'okutu kw'oyo
anaabeeranga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu ky'engalo
ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu
kwe okwa ddyo, ng'agasiiga kungulu ku musaayi ogw'ekiweebwayo
olw'omusango.
18 Kabona anaddiranga amafuta ag'omuzeeyituuni aganaabanga gasi-
gadde mu kibatu kye n'agasiiga mu mutwe gw'oyo ajja okufuulibwa
omulongoofu, n'amutangiririra awali MUKAMA.
19 Kabona anaawangayo ekiweebwayo olw'ekibi, atangiririre oyo atali
mulongoofu ajja okufuulibwa omulongoofu. Oluvannyuma kabona anat-
tanga ekiweebwayo ekyokebwa,
20 n'akiwaayo ku kyoto awamu n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke.
Bw'atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo, n'afuuka mulongoofu.
21 "Naye omuntu oyo bw'anaabanga omwavu ng'ebyo byonna
tabisobola, anaaleetanga omwana gw'endiga omulume gumu okuba
ekiweebwayo olw'omusango, ne kiwuubibwa okumutangiririranga, okwo
n'agattirako ne kimu kya kkumi ekya efa eky'obuwunga obulungi ennyo
obutabikiddwa mu mafuta, nga kye kiweebwayo eky'emmere y'empeke,
n'agattako n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni;

22 n'amayiba abiri oba enjiibwa ento bbiri, ng'okufuna kwe bwe kunaamusobozesanga; emu eneebanga ya kiweebwayo olw'ekibi, endala nga ya kiweebwayo ekyokebwa.
23 Ebyo byonna eby'okumufuula omulongoofu anaabireetanga eri kabona ku lunaku olw'omunaana, ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, awali MUKAMA.
24 Kabona anaddiranga omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni, n'abiwuuba nga kye kiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa awali MUKAMA.
25 Kabona anattanga omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango; n'addira ogumu ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'agusiiga ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, era ne ku kinkumu eky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa ddyo.
26 Kabona anaafukanga agamu ku mafuta mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono,
27 n'amansira n'olunwe lwe olwa ddyo agamu ku mafuta ago agali mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, emirundi musanvu awali MUKAMA.
28 Era kabona anaasiiganga agamu ku mafuta ag'omuzeeyituuni agali mu kibatu ky'omukono gwe ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu eky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa ddyo, ng'agasiiga kungulu ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango.
29 Kabona anaddiranga amafuta ag'omuzeeyituuni aganaabanga gasigadde mu kibatu kye, n'agasiiga ku mutwe gw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, okumutangiririra eri MUKAMA.
30 Era anaawangayo, ng'obusobozi bwe gye bunaakomanga, amayiba oba enjiibwa ento,
31 ekinyonyi ekimu ng'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekyokubiri ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ng'agattirako n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke. Kabona anaamutangirririranga oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu eri MUKAMA.
32 Ago ge mateeka aganaagobererwanga omuntu omugenge anaabanga tasobola biweebwayo ebya bulijjo, alyoke afuuke omulongoofu."

### *Ebigenge mu Mayumba*

33 MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti,
34 "Bwe muliyingira mu nsi ya Kanani gye mbawadde okugirya, ne musanga nga ntadde ebigenge mu emu ku nnyumba ez'omu nsi eyo,
35 kale, oyo anaabanga nannyini nnyumba eyo anajjanga n'ategeeza kabona nti, 'Mu nnyumba yange mufaanana ng'omuli obulwadde.'
36 Kabona anaalagiranga ne bafulumya ebintu byonna ebiri mu nnyumba ne babimalamu, nga tannaba kuyingiramu kukebera obulwadde obwo nga bwe buli, si kulwa nga byonna ebiri mu nnyumba biyitibwa ebitali birongoofu. Ekyo nga kiwedde kabona anaayingiranga mu nnyumba n'agikebera.
37 Anaanoonyanga obulwadde we buli; bw'anaabusanganga ku bisenge by'ennyumba eyo, nga kuliko amabala aga kiragalalagala oba amamyukirivu, era nga galabika gayingidde munda mu mubiri gw'ekisenge,

38 olwo kabona anaafulumanga mu nnyumba eyo, n'agiggala okumala
ennaku musanvu.
39 Ku lunaku olw'omusanvu kabona anaakomangawo n'akebera en-
nyumba eyo. Bw'anaasanganga ng'obulwadde busaasaanidde ku bisenge
by'ennyumba eyo,
40 kale, anaalagiranga ne basokoola mu bisenge amayinja gonna agaliko
obulwadde ne bagasuula ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.
41 Era anaalagiranga ebisenge byonna eby'omu nnyumba eyo ne
bikalakatibwa, ebintu byonna ebikalakatibbwako ne bisuulibwa ebweru
w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.
42 Era banaddiranga amayinja amalala ne bagazimba mu bifo by'agali
agaggyibwamu, ne batabula bulungi omusenyu, ennyumba yonna
n'ekubibwa omusenyu.
43 "Singa obulwadde buddamu okuzuuka, oluvannyuma lw'ennyumba
okugiggyamu amayinja gali, n'okugikalakata era n'okugikubako
omusenyu omuggya,
44 kale, kabona anaagendangayo ne yeetegereza; bw'anaasanganga
ng'obulwadde busaasaanye mu nnyumba, ng'ebyo bigenge bye biri mu
nnyumba, era nga si nnongoofu.
45 Anaalagiranga ennyumba eyo n'emenyebwawo, amayinja gaayo
n'embaawo zaayo n'omusenyu ogwagikubwako, byonna binaasitulwanga
ne bisuulibwa ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.
46 Ennyumba eyo bw'eneebanga tennamenyebwawo, omuntu yenna
anaayingiranga mu nnyumba eyo mu kiseera ky'eneemalanga nga nzigale
anaabanga si mulongoofu okutuusa akawungeezi.
47 N'omuntu yenna anaasulanga mu nnyumba eyo oba anaaliirangamu,
anaayozanga engoye ze.
48 "Naye kabona bw'anajjanga n'akebera mu nnyumba eyo ng'emaze
okukubibwako omusenyu, n'asanga ng'obulwadde tebwasaasaana; kale,
kabona anaalangiriranga ng'ennyumba eyo bw'eri ennongoofu, kubanga
olwo ng'obulwadde bugenze.
49 Okufuula ennyumba ennongoofu kabona anaddiranga ebinyonyi
bibiri n'akabaawo k'omuti omwerezi, n'ekiwero ekimyufu n'ezobu.
50 Anattiranga ekimu ku binyonyi mu mazzi amalungi mu kibya
eky'ebbumba.
51 Awo anaddiranga akabaawo k'omuti omwerezi n'ezobu, n'ekiwero
ekimyufu, n'ekinyonyi ekikyali ekiramu, n'abinnyika mu musaayi
gw'ekinyonyi ekyattiddwa ne mu mazzi amalungi, n'alyoka amansira
ennyumba yonna emirundi musanvu.
52 Ennyumba anaagifuulanga ennongoofu n'omusaayi gw'akanyonyi,
n'amazzi amalungi, n'akanyonyi akalamu, n'akabaawo k'omuti omw-
erezi, n'ezobu n'ekiwero ekimyufu.
53 Awo n'afulumya ekinyonyi ekiramu ebweru w'ekibuga n'akiteera eyo
ne kibuuka ne kigenda. Mu ngeri eyo anaatangiririranga ennyumba eyo
era eneebanga nnongoofu."
54 Ago ge mateeka aganaagobererwanga ku bulwadde bw'ebigenge,
omubiri ogusiiwa,
55 ebigenge mu ngoye oba mu nnyumba,
56 oba okubutukabutuka, oba obutulututtu,
57 okusinziirako okutegeera obanga ekintu kirongoofu oba si kirongoofu.
Ago ge mateeka ku bigenge.

# 15

*Amateeka ku Butali Bulongoofu mu Basajja*

1 Awo Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Mugambe abaana ba Isirayiri nti omusajja yenna bw'anaavangamu
ebitonnya mu bitundu bye ebyekyama, ebimuvaamu ebyo binaabanga
ebitali birongoofu.
3 Era lino ly'etteeka ery'obutali bulongoofu bwe obuleeteddwa ebyo
ebimuvaamu: obanga bitonnya obutasalako, obanga birekeddaawo,
bunaabanga obutali bulongoofu mu musajja oyo.

4 "Buli kitanda omusajja oyo alina ebimuvaamu ky'anaasulangako
kinaabanga si kirongoofu, ne buli kintu ky'anaatuulangako kyonna
kinaabanga si kirongoofu.
5 Omuntu yenna anaakwatanga ku kitanda ky'omusajja oyo naye
anaafuukanga atali mulongoofu okutuusiza ddala akawungeezi, era anaa-
teekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.
6 Omuntu yenna anaatuulanga ku kintu kyonna omusajja oyo alina
ebimuvaamu kw'anaabanga amaze okutuula, anaafuukanga atali mu-
longoofu okutuusa akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze
n'okunaaba mu mazzi.
7 Era omuntu yenna anaakwatanga ku musajja oyo alina ebimuvaamu,
anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi, era anaateek-
wanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.
8 Omusajja oyo alina ebimuvaamu bw'anaawandanga amalusu ku
muntu omulongoofu, omuntu oyo anaafuukanga atali mulongoofu okutu-
usa akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu
mazzi.
9 Era n'amatandiiko gonna omusajja oyo alina ebimuvaamu
kw'aneebagaliranga ganaabanga agatali malongoofu,
10 era n'omuntu anaakwatanga ku kintu ekirala kyonna ekinaa-
banga wansi w'omusajja oyo anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa
akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu
mazzi.
11 Omuntu yenna, omusajja oyo alina ebimuvaamu gw'anaakwatangako
nga tasoose kunaaba mu ngalo mu mazzi anaafuukanga atali mulongoofu
okutuusa akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba
mu mazzi.
12 Ekibumbe kyonna ekikozesebwa mu maka bwe kinaakwatibwangako
omusajja oyo alina ebimuvaamu kinaayasibwanga, na buli ekikozesebwa
mu maka eky'omuti kinaanaazibwanga mu mazzi.

13 "Omusajja anaabanga alina ebimuvaamu bw'anaafuulibwanga omu-
longoofu, aneebaliranga ennaku musanvu ez'okufuulibwa omulongoofu;
anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba omubiri gwe mu mazzi
amayonjo agakulukuta, bw'atyo anaafuukanga mulongoofu.
14 Ku lunaku olw'omunaana kinaamusaaniranga okuddira amayiba
abiri oba enjiibwa ento bbiri n'ajja awali Mukama mu mulyango
gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu n'abikwasa kabona.
15 Kabona anaabiwangayo, ekimu nga kye kiweebwayo olw'ekibi
n'ekirala nga kye kiweebwayo ekyokebwa. Mu ngeri eyo kabona
anaatangiririranga omusajja oyo olw'ebimuvaamu eri Mukama.

16 “Omusajja bw’anaavangamu amazzi g’obusajja anaateekwanga okunaaba omubiri gwe n’amazzi, era anaasigalanga nga si mulongoofu okutuusa akawungeezi.

17 Buli lugoye olwambalwa oba eddiba nga kuliko amazzi g’obusajja, binaateekwanga okwozebwa mu mazzi, era binaabanga ebitali birongoofu okutuusa akawungeezi.

18 Omusajja bw’aneebakanga n’omukazi, ne wabaawo amazzi g’obusajja agafulumizibbwa, bombi banaanaabanga mu mazzi agatukula, era banaabeeranga abatali balongoofu okutuusa akawungeezi.

### *Amateeka ku Butali Bulongoofu mu Bakazi*

19 “Omukazi bw’anaavangamu omusaayi ng’empisa ye eya bulijjo eya buli mwezi bw’eba, anaabeeranga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu, ne buli anaamukwatangako anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

20 Mu bbanga eryo ng’omukazi oyo si mulongoofu buli kintu kyonna ky’anaagalamirangako kinaabanga ekitali kirongoofu, ne buli kintu kyonna ky’anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu.

21 Era buli anaakwatanga ku kitanda kye kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, n’okunaaba mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

22 Buli anaakwatanga ku kintu kyonna omukazi oyo ky’atuulako, anaateekwanga okwoza engoye ze n’okunaaba omubiri gwe mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

23 Bwe kinaabanga ekitanda oba ekintu ekirala kyonna omukazi oyo ky’anaabanga atuddeko, omuntu bw’anaakikwatangako anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

24 Omusajja bw’aneebakanga n’omukazi oyo, omusaayi gw’omukazi ogumuvaamu ogwa buli mwezi ne gumutonnyako, anaabeeranga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu; n’ekitanda kw’anaagalamiranga nakyo kinaabanga ekitali kirongoofu.

25 “Omukazi bw’anaavangamu omusaayi okumala ennaku nnyingi mu biseera ebitali ebyo ebya buli mwezi nga bwe kiba bulijjo, oba bw’anaavangamu omusaayi okumala ennaku ezisukka ku za bulijjo eza buli mwezi, anaabeeranga atali mulongoofu mu bbanga ly’anaamalanga ng’avaamu omusaayi, nga mu biseera bye ebya buli mwezi.

26 Buli kitanda ky’anaagalamirangako ng’omusaayi gukyamuvaamu kinaabeeranga ekitali kirongoofu, ng’ekitanda kye bwe kiba mu biseera bye ebya buli mwezi eby’okuvaamu omusaayi, era ne buli kintu ky’anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu nga bwe kiba mu biseera bye ebya buli mwezi.

27 Buli muntu anaakwatanga ku bintu ebyo anaabeeranga atali mulongoofu; kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, n’okunaaba omubiri gwe mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

28 Naye omukazi oyo avaamu omusaayi bw’anaafuulibwanga omulongoofu, aneebaliranga ennaku musanvu, N’oluvannyuma lwazo anaabeeranga mulongoofu.

29 Ku lunaku olw’omunaana kinaamusaaniranga okuddira amayiba abiri, oba enjiibwa ento bbiri n’ajja awali Mukama ku mulyango gw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu n’abikwasa kabona.

30 Kabona anaawangayo ekimu nga kye kiweebwayo olw'ekibi, n'ekirala
nga kye kiweebwayo ekyokebwa. Mu ngeri eyo kabona anaatangiriringa
omukazi oyo eri MUKAMA olw'ekitali kirongoofu ekimuvaamu.
31 "Bwe mutyo bwe munaakugiranga abaana ba Isirayiri balemenga
okusemberera ebintu ebibafuula abatali balongoofu, balemenga okufa
olw'obutali bulongoofu bwabwe okuboonoonyesa Eweema ya MUKAMA eri
wakati mu bo.
32 "Ago ge mateeka ku musajja alina ebimuvaamu mu bitundu bye
eby'ekyama, n'oyo avaamu amazzi g'obusajja;
33 ne ku mukazi anaavangamu omusaayi ng'empisa y'abakazi eya bulijjo
eya buli mwezi bw'eba. Amateeka ago ganaakwatanga ku musajja oba ku
mukazi alina ebimuvaamu, ne ku musajja aneebakanga n'omukazi atali
mulongoofu."

# 16

*Omukolo ogw'Okutangiririra*

1 Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa, abaana ba Alooni ababiri bwe baali
bamaze okufa olwokubanga baasemberera MUKAMA.
2 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza muganda wo Alooni alemenga
okujja buli w'anaayagaliranga, mu kifo Awatukuvu ekiri munda w'eggigi,
okutunuulira entebe ey'okusaasira eri ku Ssanduuko ey'Endagaano;
bw'alikikola talirema kufa; kubanga nzijanga kulabikira mu kire nga kiri
waggulu w'entebe ey'okusaasira.
3 Naye Alooni bw'anaabanga ajja mu kifo Awatukuvu anaalee-
tanga ennyana ennume olw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume
olw'ekiweebwayo ekyokebwa.
4 Anaayambalanga ekkooti entukuvu eya bafuta, ne munda ku mubiri
gwe anaasookangako empale eya bafuta, nga yeesibye olukoba olwa
bafuta, ne ku mutwe ng'asibyeko ekitambaala ekya bafuta. Ebyambalo
ebyo bitukuvu, noolwekyo kimusaaniranga okusooka okunaaba omubiri
gwe mu mazzi nga tannabyambala.
5 Era anaggyanga mu baana ba Isirayiri embuzi ennume bbiri nga za
kiweebwayo olw'ekibi, n'endiga emu nga ya kiweebwayo ekyokebwa.
6 "Alooni anaawangayo ennyana ennume nga ya kiweebwayo kye
olw'ekibi alyoke yeetangiririre awamu n'ab'omu maka ge.
7 Era anaddiranga embuzi ebbiri n'azireeta eri MUKAMA mu mulyango
gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
8 Embuzi ebbiri Alooni anaazikubirangako obululu; akalulu akamu nga
ka kugwa ku mbuzi ya MUKAMA, n'akalala nga ka kugwa ku mbuzi
enessibwangako omusango.
9 Alooni anaddiranga embuzi akalulu ka MUKAMA kwe kanaagwanga,
n'agiwaayo okubeera ekiweebwayo olw'okwonoona.
10 Naye embuzi eneegwangako akalulu ak'okugissibyako omusango,
eneeweebwangayo eri MUKAMA nga nnamu, n'eteebwa n'eddukira mu
ddungu mu kifo Azazeri ng'esibiddwako omusango olw'okutangirira.

*Ekiweebwayo olw'Ekibi ekya Kabona n'Abantu*

11 "Alooni anaawangayo ennyana eyo ennume nga ya kiweebwayo kye
olw'ekibi, alyoke yeetangiririre awamu n'ab'omu maka ge; ennyana eyo
ennume anaagittanga nga kye kiweebwayo kye olw'ekibi.

12 Anaddiranga ekyoterezo ky'obubaane nga kijjudde amanda g'omuliro nga gavudde ku kyoto eri MUKAMA, n'embatu bbiri ez'obubaane obw'akaloosa obumerunguddwa obulungi, n'abireeta munda w'eggigi.
13 Anassanga obubaane ku muliro eri MUKAMA, n'omukka ogunaavanga mu bubaane gunaabikkanga entebe ey'okusaasira eri kungulu w'Essanduuko ey'Endagaano, alyoke aleme okufa.
14 Anaddiranga ku musaayi ogw'ennyana eyo ennume n'agumansira n'olunwe lwe ku ludda olw'ebuvanjuba olw'entebe ey'okusaasira; era omusaayi ogumu anaagumansiranga n'olunwe lwe emirundi musanvu mu maaso g'entebe ey'okusaasira.
15 "Era anattanga embuzi ey'ekiweebwayo ky'abantu olw'ekibi, n'atwala omusaayi gwayo munda w'eggigi n'agukola nga bwe yakola omusaayi gw'ennyana ennume; anaagumansiranga ku ntebe ey'okusaasira ne mu maaso gaayo.
16 Mu ngeri eyo anaatangiririranga Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo olw'obutali bulongoofu n'obujeemu eby'abaana ba Isirayiri, n'olw'ebyonoono byabwe ebirala byonna nga bwe byali. Era anaakolanga bw'atyo ne ku Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu eri mu bo wakati mu butali bulongoofu bwabwe.
17 Mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu temuubengamu muntu n'omu Alooni bw'anaayingirangamu okutangiririra Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo, okutuusa lw'anaafulumanga ng'amaze okwetangiririra awamu n'ab'omu maka ge, n'ekibiina kyonna ekya Isirayiri.
18 Era anaafulumanga n'ajja ku kyoto ekiri awali MUKAMA n'akitangiririra. Anaddiranga ku musaayi gw'ennyana eya seddume ne ku musaayi gw'embuzi n'agusiiga ku mayembe gonna ag'ekyoto.
19 Ku musaayi ogwo anaamansirangako ku kyoto n'olunwe lwe emirundi musanvu okukifuula ekirongoofu n'okukitukuza okukiggya mu butali bulongoofu obw'abaana ba Isirayiri.

### *Embuzi Esibibwako Omusango*

20 "Awo Alooni bw'anaamalanga okutangiririra Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo, n'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, n'ekyoto, anaaleetanga embuzi ennamu.
21 Anaateekanga emikono gye gyombi ku mutwe gw'embuzi eyo ennamu n'agikwatako, n'agyenenyerezaako ebyonoono by'abaana ba Isirayiri, n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe byonna, ng'abitadde ku mutwe gw'embuzi eyo. Embuzi anaagisindikanga mu ddungu ng'etwalibwa omusajja anaalondebwanga okukola omulimu ogwo.
22 Embuzi eyo eneetikkanga ebyonoono by'abaana ba Isirayiri byonna n'ebitwala mu kifo eteri bantu, eyo omusajja oyo gy'anaagiteeranga n'eraga mu ddungu.
23 "Alooni anaayingiranga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne yeeyambulamu ebyambalo ebya bafuta bye yayambadde nga tannayingira mu Kifo eky'Awatukuvu Ennyo, era naabirekanga awo.
24 Anaanaabiranga omubiri gwe mu mazzi nga gali mu kifo ekitukuvu, n'alyoka ayambala ebyambalo bye ebya bulijjo. Anaafulumanga n'awaayo ekiweebwayo kye ekyokebwa ku lulwe, n'ekiweebwayo ekyokebwa olw'abantu bonna, alyoke yeetangiririre era n'abantu abatangiririre.
25 Era n'amasavu ag'ekiweebwayo olw'ekibi anaagookeranga ku kyoto.

26 “Omusajja anaatanga embuzi esibiddwako omusango, eraze mu
Azazeri mu ddungu, kinaamugwaniranga okwoza engoye ze n’okunaaba
omubiri gwe n’amazzi; oluvannyuma anaakomangawo mu lusiisira.
27 Ennyana ennume n’embuzi ennume ez’okuwaayo olw’ebiweebwayo
olw’ekibi, era omwava omusaayi ogwaleetebwa mu Kifo eky’Awatukuvu
Ennyo olw’okutangiririra, ziteekwa okufulumizibwa ebweru w’olusiisira,
amaliba gaazo n’ennyama yaazo eriibwa n’eyo eteriibwa, zonna bi-
naayokebwanga.
28 Oyo anaazokyanga anaateekwanga okwoza engoye ze, n’okunaaba
omubiri gwe mu mazzi; oluvannyuma anaakomangawo mu lusiisira.

### *Olunaku olw’Okutangiririra*

29 “Etteeka lino munaalikwatanga emirembe gyonna: Ku lunaku
olw’ekkumi mu mwezi ogw’omusanvu muneelesanga eby’amasanyu by-
onna n’emirimu gyammwe gyonna, temuukolerengako mulimu gwonna
mmwe bannannyini nsi era n’abagwira ababeera mu mmwe,
30 kubanga ku lunaku olwo mulitangiririrwa ne mufuulibwa abalon-
goofu. Bwe mutyo munaabeeranga muvudde mu byonoono byammwe
ne mufuulibwa balongoofu mu maaso ga MUKAMA Katonda.
31 Lunaabanga ssabbiiti nga lwa kuwummula; era kibasaanira okwefi-
isanga bye mwandiyagadde; etteeka eryo linaabanga lya mirembe gyonna.
32 Kabona eyafukibwako amafuta ag’omuzeeyituuni era
ng’ayawulibbwa n’asikira kitaawe, y’anaatangiririranga. Anaayam-
balanga ebyambalo ebya linena ebitukuvu,
33 n’atangiririra Ekifo Awatukuvu Ennyo, n’atangiririra n’Eweema
ey’Okukuŋŋaanirangamu, n’atangiririra n’ekyoto, ne bakabona awamu
n’abantu bonna mu kibiina kyonna.
34 “Etteeka eryo linaababeereranga lya mirembe gyonna,
ng’okutangiririra okwo kukolebwa omulundi gumu buli mwaka
olw’ebyonoono byonna eby’abaana ba Isirayiri.”
Awo byonna ne bikolebwa nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

## 17

### *Etteeka ku Biweebwayo Ebitali bya Bulijjo*

1 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti,
2 “Tegeeza Alooni ne batabani be n’abaana ba Isirayiri bonna, obagambe
nti, Kino MUKAMA ky’alagidde:
3 Omuntu yenna Omuyisirayiri anaawangayo ekiweebwayo eky’ente,
oba endiga ento, oba embuzi, munda mu lusiisira oba ebweru w’olusiisira,
4 nga tagireese ku mulyango gw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu,
okugiwaayo ng’ekirabo ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda mu kisasi
ky’Eweema ya MUKAMA; omuntu oyo anaabanga azzizza omusango
ogw’okuyiwa omusaayi; olwokubanga ayiye omusaayi, anaagobwanga
n’agaanibwa okukolagananga ne banne.
5 Ekyo kiri bwe kityo abaana ba Isirayiri balyoke balekeraawo
okuweerangayo ebiweebwayo byabwe ebweru mu nnimiro, naye
babireetenga awali MUKAMA Katonda. Kibagwanira okubireetanga
eri MUKAMA babikwasenga kabona ku mulyango gw’Eweema
ey’Okukuŋŋaanirangamu, ne biryoka bittibwa nga bye biweebwayo
eri MUKAMA olw’emirembe.

6 Kabona anaamansiranga omusaayi ku kyoto kya MUKAMA ku mulyango
gw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu, amasavu n’agookya ne muvaamu
akaloosa akalungi akasanyusa MUKAMA Katonda.
7 Tebasaana kwongera kuwangayo biweebwayo byabwe eri baka-
tonda be beekoledde mu kifaananyi ky’embuzi, be bakola nabyo
eby’obwamalaaya*. Eryo linaabanga tteeka lyabwe lya lubeerera
n’okuyita mu mirembe egigenda okuddawo.
8 “Era bagambe nti, Buli muntu yenna Omuyisirayiri, oba omunnag-
gwanga yenna abeera mu bo, aliwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, oba
ekiweebwayo eky’engeri yonna,
9 nga takireese ku mulyango gw’Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu,
okukiwaayo eri MUKAMA Katonda, omuntu oyo anaagobwanga
n’agaanibwa okukolagananga ne banne.
10 “Omuntu yenna Omuyisirayiri oba ow’omu bannamawanga ababeera
mu Isirayiri bw’anaalyanga omusaayi ogw’engeri yonna, nnaamunyi-
igiranga oyo anaalyanga omusaayi, era nnaamugobanga ne mugaana
okukolagananga ne banne.
11 Kubanga obulamu bw’ekitonde buli mu musaayi, ate nkibawadde oku-
batangiririra ku kyoto; omusaayi gwe gutangiririra obulamu bw’omuntu.
12 Noolwekyo Abayisirayiri mbagamba nti tewabanga n’omu mu mmwe
anaalyanga omusaayi, era ne munnaggwanga abeera mu mmwe naye
taalyenga musaayi.
13 “Omuyisirayiri yenna, oba omunnaggwanga abeera mu mmwe,
bw’anaayigganga ensolo oba ennyonyi nga ya kulya, anaagikenenu-
langamu omusaayi n’agubikkako ettaka,
14 kubanga obulamu bwa buli kitonde gwe musaayi gwakyo. Abay-
isirayiri kyenvudde mbagamba nti temulyanga musaayi gwa kitonde
eky’engeri yonna, kubanga obulamu bwa buli kitonde gwe musaayi
gwakyo, omuntu yenna anaagulyanga anaagobwanga n’agaanibwa okuko-
lagana ne banne.
15 “Omuntu yenna omuzaaliranwa oba omunnaggwanga anaalyanga
ekintu kyonna ekinaabanga kisangiddwa nga kifu, oba nga kitaagud-
dwataaguddwa ensolo enkambwe, anaayozanga ebyambalo bye, n’anaaba
mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi;
oluvannyuma anaabeeranga mulongoofu.
16 Naye bw’ataayozenga byambalo bye, n’okunaaba n’atanaaba, ye
anaabanga yeeretedde obutali bulongoofu bwe okumusigalako.”

# 18

*Okusula n’Omukazi mu Ngeri Emenya Amateeka*
1 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,
2 “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘Nze MUKAMA Katonda wammwe.
3 Temusaana kweyisanga mu bikolwa byammwe ng’ab’omu Misiri,
gye mwabeeranga, bwe beeyisa, era temusaana kweyisanga ng’ab’omu
Kanani, gye mbatwala, bwe beeyisa. Temutambuliranga mu mateeka
gaabwe.
4 Munaagonderanga ebiragiro byange, munaakwatanga amateeka
gange, era mwe munaatambuliranga. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

* **17:7** eby’obwamalaaya Katonda ageraageranya okusinza ebitali ye, ku kukola ebikolwa eby’obwamalaaya

5 Mugonderenga ebiragiro byange awamu n'amateeka gange, kubanga buli muntu anaabikwatanga mu byo mwanaatambulizanga obulamu bwe. Nze MUKAMA Katonda wammwe.
6 " 'Tewabanga omuntu yenna mu mmwe ajja eri munne gw'alinako oluganda ne yeebaka naye. Nze MUKAMA.
7 " 'Toleeteranga kitaawo buswavu ng'okola ebyensonyi ne nnyoko. Oyo ye maama wo eyakuzaala, teweebakanga naye ne mukola ebyensonyi, n'omuleetako obuswavu.
8 " 'Teweebakanga na muka kitaawo ne mukola ebyensonyi, ekyo kireetera kitaawo obuswavu ne kimumalamu ekitiibwa.
9 " 'Teweebakanga na mwannyoko, azaalibwa kitaawo, oba azaal-
ibwa nnyoko, ne bwe muba nga mwakulira mu maka gamu oba nga temwakulira wamu, tomukolangako bya nsonyi okumuleetera obuswavu.
10 " 'Teweebakanga na muwala azaalibwa mutabani wo, oba muwala w'omwana wo omuwala, n'okola naye ebyensonyi; ekyo ne kikuleetako obuswavu.
11 " 'Teweebakanga na mwana wa muka kitaawo ow'obuwala eyazaal-
ibwa kitaawo n'omukolako ebyensonyi; oyo mwannyoko. Tomuleeteranga bya buswavu.
12 " 'Teweebakanga na mwannyina wa kitaawo n'okola naye ebyensonyi; oyo ne kitaawo ba musaayi gwe gumu.
13 " 'Teweebakanga na muwala bwe bazaalibwa ne nnyoko n'okola naye ebyensonyi; kubanga oyo ne nnyoko ba musaayi gwe gumu.
14 " 'Toweebuulanga muganda wa kitaawo, ng'olaga eri mukazi we weebake naye mukole ebyensonyi; oyo maama wo omuto.
15 " 'Teweebakanga na muka mutabani wo ne mukola ebyensonyi; kubanga oyo ye mukyala wa mutabani wo; tomuleeteranga bya buswavu.
16 " 'Teweebakanga na muka muganda wo ne mukola ebyensonyi, kubanga ekyo kinaaleeteranga muganda wo obuswavu.
17 " 'Teweebakanga na mukazi ate ne muwala we n'okola nabo ebyen-
sonyi. Era teweebakanga na mwana muwala owa mutabani wa mukazi oyo oba na mwana muwala owa muwala we; kubanga abo ba musaayi gwe gumu n'ogw'omukazi oyo. Ekyo kibi kinene.
18 " 'Toleetanga mukazi nga muganda wa mukyala wo ne badda mu kuvuganya, era ne weebaka naye ne mukola ebyensonyi nga mukyala wo akyali mulamu.
19 " 'Tosembereranga mukazi ng'oyagala weebake naye omukoleko ebyensonyi ng'ali mu kiseera kye ekya buli mwezi eky'okuvaamu omusaayi mw'abeerera atali mulongoofu.
20 " 'Teweebakanga na mukyala wa munnansi yammwe okumukolako ebyensonyi, n'akuleetera obutali bulongoofu.
21 " 'Mu baana bo towangayo n'omu ng'ekiweebwayo ekyokeddwa mu muliro eri Moleki, kubanga erinnya lya Katonda wo tosaanira kuliweebuulanga. Nze MUKAMA.
22 " 'Teweebakanga na musajja nga bwe wandyebase n'omukazi, ekyo kibi ekikyayibwa ennyo.
23 " 'Tokolanga bya nsonyi ku nsolo kubanga ekyo kinaakufuulanga atali mulongoofu. Omukazi teyeewangayo eri ensolo emukoleko ebyensonyi, okwo kwe kuwabira ddala.
24 " 'Temwereetangako obutali bulongoofu nga mugoberera amayisa ago amabi; kubanga n'amawanga ge ŋŋenda okugoba mu nsi mwe mujja okuyingira bwe geefuula bwe gatyo agatali malongoofu;

25 n'ensi n'efuuka etali nnongoofu, ne ngibonereza olw'ebyonoono
byayo, n'abantu baamu abagibeeramu n'ebasesema.
26 Naye mmwe mukuumenga ebiragiro byange n'amateeka gange.
Abazaaliranwa ne bannamawanga abali mu mmwe tewabanga n'omu
anaakolanga ku bintu ebyo n'akatono ebikyayibwa ennyo bwe bityo.
27 Kubanga ebintu ebyo byonna byakolebwanga abantu abaabasooka
mmwe okubeera mu nsi omwo, ensi n'efuuka etali nnongoofu.
28 Ensi eyo bwe muligifuula etali nnongoofu, egenda kubasesema nga
bwe yasesema amawanga agaabasooka okugibeeramu.
29 " 'Abantu bonna abanaakolanga ebintu ebyo ebibi ebikyayibwa
ennyo, abantu ng'abo banaagobwanga ne bagaanibwa okukolagana ne
bannaabwe.
30 Mukwatenga amateeka gange, nga mwewalanga okukola ebyonoono
ebyo ebikyayibwa eby'amayisa amabi, abo abaabasooka ge beeyisanga
si kulwa nga gabafuula abatali balongoofu. Nze Mukama Katonda
wammwe.' "

# 19

*Obutukuvu n'Enneeyisa y'Omuntu*

1 Awo Mukama Katonda n'agamba Musa
2 ategeeze ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri abagambe nti,
"Mubeerenga batukuvu, kubanga nze Mukama Katonda wammwe ndi
mutukuvu.
3 "Buli omu mu mmwe assengamu nnyina ne kitaawe ekitiibwa; era
mukuumenga Ssabbiiti zange. Nze Mukama Katonda wammwe.
4 "Temulaganga mu bitali Katonda, era temwekoleranga bakatonda
abaweese mu kyuma ekisaanuuse. Nze Mukama Katonda wammwe.
5 "Bwe munaawangayo eri Mukama ekiweebwayo olw'emirembe, muki-
wengayo mu butuufu kiryoke kikkirizibwe.
6 Kinaalibwanga ku lunaku olwo lwe kinaaweebwangayo oba enkeera;
ekinaabanga kisigaddewo okutuusa ku lunaku olwokusatu kinaazikirib-
wanga mu muliro.
7 Singa kiriibwa ku lunaku olwokusatu tekiibenga kirongoofu, era
tekikkirizibwenga,
8 ne buli anaakiryangako anaabanga azzizza omusango; kubanga
anaabeeranga aweebudde ekintu kya Mukama ekitukuvu; omuntu oyo
anaagobwanga n'agaanibwa okukolaganaanga ne banne.
9 "Bw'okungulanga ekyengera eky'omu ttaka lyo, tokunguliranga ddala
ebibala byonna eby'omu nnimiro yo okutuuka ku nkomerero zaayo,
oba okukuŋŋaanya obubala obutonotono obunaabanga bugudde wansi
ng'okungula.
10 Ennimiro yo ey'emizabbibu togimalirangamu ddala bibala byonna,
n'ebyo ebibanga bigudde wansi tobikuŋŋaanyanga. Obirekeranga abaavu
ne bannamawanga. Nze Mukama Katonda wammwe.
11 "Tobbanga.
"Tokumpanyanga.
"Temulimbagananga.
12 "Tokozesanga linnya lyange ng'olayira ebitaliimu nsa, n'ovumisa
erinnya lya Katonda wo. Nze Mukama.
13 "Muliraanwa wo tomujooganga so tomunyagangako bibye.
"Tosulanga na mpeera ya mupakasi wo n'omala nayo ekiro kyonna
okutuusa enkya nga tonnagimusasula.

14 “Omuggavu w’amatu tomukolimiranga, so n’omuzibe w’amaaso
tomuteganga nkonge w’anaayita, naye otyanga Katonda wo. Nze MUKAMA.
15 “Tosalirizanga ng’olamula; tobanga na kyekubiira ku ludda
lw’omwavu wadde okwekubiira ku ludda lw’ow’ekitiibwa, banno obasali-
rangawo mu bwenkanya.
16 “Togendanga ng’osaasaanya eŋŋambo mu banno.
“Tokolanga kintu kyonna ku munno ekiyinza okumuleetera okufiirwa
obulamu bwe. Nze MUKAMA.

### *Etteeka ku Kwagala*

17 “Muganda wo tomukyawanga mu mutima gwo. Naye munno
ng’asobezza, omunenyanga, si kulwa nga naawe ogwa mu kibi nga ye.
18 “Towalananga ggwanga oba okusiba ekiruyi ku mwoyo eri munno
yenna ow’omu nsi yo, naye yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala
wekka. Nze MUKAMA.
19 “Okwatanga amateeka gange.
“Tokkirizanga nsolo za ngeri ndala kuzaazisa mu nsolo zo.
“Mu nnimiro yo tosimbangamu nsigo za ngeri bbiri.
“Toyambalanga kyambalo eky’olugoye olw’ebiwero eby’engeri ebbiri.
20 “Omusajja bw’aneebakanga n’omuddu omukazi n’amusobyako, naye
ng’omukazi oyo tannaweebwa ddembe lye, kyokka ng’aliko omusajja
amwogereza, wanaabangawo okuwozesebwa n’ebibonerezo, naye tebat-
tibwenga, kubanga omukazi anaabanga tannaweebwa ddembe lye.
21 Naye omusajja anaaleetanga endiga ennume ku mulyango gwa
Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu, nga ky’ekiweebwayo kye eri MUKAMA
eky’omusango.
22 Kabona anaakozesanga endiga ennume ey’ekiweebwayo
olw’omusango okutangiririra omusajja oyo eri MUKAMA; era ekibi kye
ky’anaabanga akoze kinaamusonyiyibwanga.
23 “Bwe muyingiranga mu nsi ne musimba emiti egya buli
ngeri egy’ebibala ebyokulya, mukitegeere nti ebibala byagyo biriba
ng’ebiwereddwa. Biriwerebwa okumala emyaka esatu; tebijjanga
kuliibwanga.
24 Mu mwaka ogwokuna ebibala byako byonna binaabanga bitukuvu,
nga kye kiweebwayo eri MUKAMA eky’okumutendereza.
25 Naye mu mwaka ogwokutaano munaayinzanga okulya ku bibala
byako. Mu ngeri eno ebibala byako bigenda kweyongeranga nnyo. Nze
MUKAMA Katonda wammwe.
26 “Tolyanga nnyama yonna nga teweddeemu musaayi;
“so tokolanga bya ddogo wadde eby’okulagula.
27 “Enviiri ez’oku mabbali g’omutwe gwo tozisalangako; n’ekirevu kyo
tokikomolanga.
28 “Toweesalanga misale ku mubiri gwo olw’okujjukira abaafa oba
okwesalako enjola. Nze MUKAMA.
29 “Tofuulanga mwana wo omuwala ekivume ng’omufudde omwenzi,
kubanga kirireetera abantu mu nsi yo okufuuka abenzi, n’ensi n’ejjula
okwonoona.
30 “Mukuumanga Ssabbiiti zange era mussangamu ekitiibwa ekifo
kyange ekitukuvu. Nze MUKAMA.
31 “Temwebuuzanga ku basamize oba okukyukiranga abalogo, kubanga
bagenda kubaleetera okwonooneka. Nze MUKAMA Katonda wammwe.
32 “Ositukiranga ow’envi, n’omukadde omussangamu ekitiibwa, era ne
Katonda wo omutyanga. Nze MUKAMA.

33 “Omugwira bw’abeeranga omutuuze mu nsi yammwe, temumuy-
isanga bubi.
34 Omugwira atuula mu mmwe mumuyisenga ng’omuzaaliranwa
ow’omu nsi yammwe. Mumwagalenga nga bwe mweyagala, kubanga
nammwe mwali bagwira mu nsi y’e Misiri. Nze MUKAMA Katonda
wammwe.
35 “Temubangamu kyekubiira nga mupima obuwanvu, oba obuzito, oba
obungi bw’ebintu.
36 Mubanga ne minzaani entuufu, n’amayinja agapima obuzito amatu-
ufu, n’ekipima ebikalu (efa) ekituufu, n’ekipima ebiyiikayiika ng’amazzi
(ini) ekituufu. Nze MUKAMA Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y’e
Misiri.
37 “Munaakwatanga amateeka gange gonna, n’ebiragiro byange byonna,
okubitambulirangako. Nze MUKAMA.”

# 20

*Ebibonerezo olw’Ekibi*

1 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti,
2 “Tegeeza abaana ba Isirayiri bw’oti nti, Omuyisirayiri yenna, oba
omunnaggwanga atuula mu Isirayiri, bw’anaawangayo omwana we
ng’ekiweebwayo eri Moleki, kitaawe w’omwana oyo ajjanga kuttibwa.
Abantu ab’omu kitundu ekyo mw’abeera banaamukubanga amayinja.
3 Nange kennyini, omuntu oyo nnaamunyiigiranga, era nnaamugobanga
ne mmugaana okukolagananga ne banne, kubanga awaddeyo omu ku
baana be ng’ekiweebwayo eri Moleki, n’ayonoona Awatukuvu wange era
n’avumisa erinnya lyange ettukuvu.
4 Era abantu ab’omu kitundu ekyo mw’abeera, bwe banaamuzibiranga
ku liiso, omuntu oyo awaddeyo omwana we eri Moleki, ne batamutta,
5 omuntu oyo nnaamunyiigiranga, ne ku b’omu nnyumba ye, ne
mbagoba ne mbagaana okukolagananga ne bannaabwe, ye ne banne
abakolaganye naye mu kukuba obwamalaaya ne Moleki.
6 “ ‘Omuntu bw’anaakolagananga n’abasamize, n’abalogo, n’akuba nabo
obwamalaaya, nnaamunyiigiranga, era nnaamugobanga ne mugaana
okukolagana ne banne.
7 “ ‘Noolwekyo mwetukuze mubeerenga batukuvu, kubanga Nze
MUKAMA Katonda wammwe.
8 Mukwatenga amateeka gange, mugagobererenga. Nze MUKAMA
abatukuza.
9 “ ‘Omuntu yenna anaakolimiranga kitaawe oba nnyina wa kuttib-
wanga. Noolwekyo akolimidde kitaawe oba nnyina, omusaayi gwe
gunaabanga ku mutwe gwe.
10 “ ‘Omusajja bwanaayendanga ku muka omusajja, bombi, omusajja
ayenze n’omukazi gw’ayenzeeko banattibwanga.
11 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka kitaawe, anaabanga awee-
budde kitaawe. Bombi omusajja n’omukazi banattibwanga; omusaayi
gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.
12 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka mutabani we, bombi banat-
tibwanga. Kubanga bombi banaabanga bakoze ebyambyone; omusaayi
gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.
13 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga ne musajja munne nga bwe yandyebase
n’omukazi, bombi banaabanga bakoze eky’ekivve; era banattibwanga,
n’omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.

14 “ ‘Omusajja bw’anaawasanga omukazi ate n’atwalirako ne nnyina, ekyo kya kivve. Ye n’abakazi bombi banaayokebwanga mu muliro, bwe mutyo ekyonoono ekyo ne mukyegobako.

15 “ ‘Omusajja bw’anaakolanga eby’ensonyi ku nsolo, anattibwanga, era n’ensolo munaagittanga.

16 “ ‘Omukazi bw’anaasembereranga ensolo alyoke akole nayo eby’ensonyi, mumuttanga n’ensolo ne mugitta. Omukazi anattibwanga n’ensolo nettibwa; omusaayi gw’omukazi gunaabanga ku mutwe gwe, n’ogw’ensolo gunaabanga ku mutwe gwayo.

17 “ ‘Omusajja bw’anaawasanga mwannyina, oba nga mwanamuwala wa kitaawe, oba nga mwanamuwala wa nnyina, ne beebaka bombi, kinaabanga kya buwemu. Bombi banaagobwanga mu bannaabwe ne babagaana okukolagananga nabo. Kubanga omusajja oyo anaabanga aweebudde mwannyina, era y’aneetikkanga obuvunaanyizibwa bwonna olw’ekibi ekyo.

18 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga n’omukazi mu biseera by’omukazi, ebya buli mwezi ng’empisa y’abakazi bw’eba, anaabanga abikudde ensulo y’omusaayi gw’omukazi oyo, era n’omukazi anaabanga yeebikudde. Bombi banaagobwanga mu bannaabwe ne babagaana okukolagananga nabo.

19 “ ‘Teweebakanga na mukazi muganda wa nnyoko oba ne mwannyina wa kitaawo n’okola naye eby’ensonyi, kubanga ekyo kiweebuula owooluganda ow’okumpi. Mwembi munaavunaanyizibwanga olw’ekyonoono kyammwe ekyo.

20 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka kitaawe omuto oba ne muka kojjaawe, anaabanga aweebudde bakadde be abo. Omusajja oyo n’omukazi oyo be baneetikkanga obuvunaanyizibwa obw’ekibi ekyo, era balifa nga tebalina baana.

21 “ ‘Omusajja bw’anaawasanga muka muganda we, kinaabanga ekikolwa ekitali kirongoofu, kubanga aweebudde muganda we. Tebalizaala baana.

### *Ekiragiro eky’Okubeeranga Abatukuvu*

22 “ ‘Kale nno, mukwatenga amateeka gange gonna n’ebiragiro byange byonna, era mubikolerengako, ensi mwe mbatwala okutuulanga eryoke ereme kubasesema.
23 Era temugobereranga mpisa ez’amawanga ge ŋŋenda ngoba mu nsi eyo; kubanga baakola ebintu ebyo byonna, noolwekyo mbakyawa nnyo.
24 Naye nabategeeza nti, “Mulisikira ensi yaabwe, era ndigibawa ne mugirya, ye nsi omukulukuta amata n’omubisi gw’enjuki.” Nze Mukama Katonda wammwe eyabaawula ku mawanga amalala.

25 “ ‘Noolwekyo mujjanga kwawulamu ensolo ennongoofu n’etali nnongoofu, n’ennyonyi ennongoofu n’etali nnongoofu. Temufuukanga abatali balongoofu olw’ensolo oba ennyonyi, oba ebiramu byonna ebitambula ku ttaka, bye mmaze okwawulako ne mbibategeeza nti si birongoofu.
26 Kibasaanira okubeeranga abatukuvu gye ndi, kubanga Nze, Mukama, ndi mutukuvu, era mbaawudde ku mawanga amalala mubeerenga ggwanga lyange.

27 “ ‘Omusajja oba omukazi mu mmwe anaabeeranga omusamize oba omulogo, wa kuttibwanga. Mubakubanga amayinja; era omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.’ ”

# 21

*Obutukuvu bw'Obwakabona*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Yogera ne bakabona, batabani ba Alooni, obagambe nti tewabanga omuntu eyeeretako obutali bulongoofu olw'okukwata ku mufu mu bantu be,
2 wabula ng'amulinako oluganda olw'okumpi. Gamba nga nnyina, oba kitaawe, oba mutabani we, oba muwala we, oba muganda we,
3 oba mwannyina embeerera atamanyi musajja, gw'alinako obuvunaanyizibwa kubanga tabeerangako na bba, kubanga ayinza okwereetako obutali bulongoofu.
4 Kabona nga bw'ali omukulembeze, tekimusaanira kwereetako obutali bulongoofu wakati mu bantu be.
5 Bakabona tebamwangako nviiri ku mitwe gyabwe, wadde okumwako ebirevu byabwe, oba okusala emisale ku mibiri gyabwe.
6 Kibasaanira okubeeranga abatukuvu eri Katonda waabwe balemenga okuleetera erinnya lya Katonda waabwe obutali bulongoofu. Kubanga be batuusa ebiweebwayo ebyokebwa mu muliro eri MUKAMA, ye mmere ya Katonda waabwe, noolwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu.
7 Tebawasanga mukazi malaaya oba atali mulongoofu, oba oyo agobeddwa ewa bba; kubanga bakabona batukuvu eri Katonda waabwe.
8 Mubayisenga ng'abatukuvu, kubanga be bawaayo emmere eya Katonda wammwe. Mubayisenga ng'abatukuvu; kubanga Nze MUKAMA atukuza mmwe, ndi mutukuvu.
9 Era omwana omuwala owa kabona bw'anaakubanga obwamalaaya, bw'atyo ne yeereetako obutali bulongoofu, anaabeeranga aleetedde kitaawe obutali bulongoofu; anaayokebwanga mu muliro.

10 "Kabona Asinga Obukulu, nga ye mukulembeze mu baganda be, era nga ye yafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ku mutwe gwe, era nga yayawulibwa ayambalenga ebyambalo by'Obwakabona, tasaanira kusumululanga nviiri ze ku mutwe gwe n'azita, wadde okuyuzanga ebyambalo bye.
11 Tayingiranga mu kifo omuli omulambo, aleme kwereetako obutali bulongoofu. Omulambo ne bwe gunaabanga ogwa kitaawe oba ogwa nnyina.
12 Era n'ekifo kya Katonda we ekitukuvu taakivengamu oba okukireetako obutali bulongoofu, kubanga yayawulibwa bwe yafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ga Katonda we. Nze MUKAMA Katonda.
13 Anaawasanga omukazi mbeerera atamanyanga musajja.
14 Tawasanga nnamwandu, oba omukazi bba gwe yagoba, oba omukazi eyeereeseeko obutali bulongoofu olw'okukuba obwamalaaya; naye anaawasanga omukazi embeerera ng'amuggya mu bantu be;
15 aleme okuleetera ezzadde lye obutali bulongoofu wakati mu bantu be. Kubanga Nze MUKAMA Katonda amutukuza."

*Bakabona Abaliko Akamogo*

16 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
17 "Tegeeza Alooni nti mu zadde lye, okuyita mu mirembe gyonna, bwe munaabangamu omuntu aliko akamogo ku mubiri gwe taasemberenga kuwaayo emmere ya Katonda we.

18 Kubanga tewaabengawo muntu yenna aliko akamogo ku mubiri gwe anaasemberanga. Gamba: omuzibe w'amaaso, oba omulema, oba eyakyama ennyindo, oba eyakulako ekintu ekyasukkirira obuwanvu;

19 oba omuntu alina ekigere ekyagongobala, oba omukono ogwalemala,

20 oba ow'ebbango, oba nakalanga, oba atalaba bulungi, oba ng'omubiri gwe gumusiiwa yeetakulatakula, oba ng'alina amabwa agakulukuta, oba nga yayabika enjagi.

21 Tewaabengawo wa mu zadde lya Alooni kabona ng'aliko akamogo anakkirizibwanga okusembera okuleeta ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda, ebyokebwa mu muliro. Kubanga aliko akamogo; tekiimusaanirenga kusembera n'okuwaayo ekiweebwayo eri Katonda we.

22 Anaayinzanga okulya ku mmere entukuvu ennyo eya Katonda we;

23 naye olwokubanga aliko akamogo ku mubiri gwe, taasaanirenga kusemberera ggigi, oba okulaga okumpi n'ekyoto, n'aleetera ebifo byange ebitukuvu obutali bulongoofu. Kubanga Nze MUKAMA Katonda abitukuza."

24 Bw'atyo Musa n'ategeeza Alooni ne batabani be, awamu n'abaana bonna aba Isirayiri ebigambo ebyo byonna.

# 22

### *Bakabona n'Obutukuvu bw'Ebiweebwayo*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,

2 "Tegeeza Alooni ne batabani be bassengamu ekitiibwa ebiweebwayo abaana ba Isirayiri bye bandeetera, ebyawuliddwa, bwe batyo balemenga okuvumisa erinnya lyange. Nze MUKAMA Katonda.

3 Era bagambe nti, Omuntu yenna ow'omu zadde lyabwe mu mirembe gyonna eginajjanga giddiriragana bw'ataabenga mulongoofu, naye n'asemberera ebiweebwayo ebyawuliddwa ebitukuvu, abaana ba Isirayiri bye banaabanga baleese eri MUKAMA Katonda, omuntu oyo anaagoberwanga ddala n'ava mu maaso gange. Nze MUKAMA Katonda.

4 Omuntu yenna ow'omu zadde lya Alooni alina obulwadde obukwata oba alwadde ekikulukuto taalyenga ku biweebwayo ebitukuvu okutuusa ng'afuuse omulongoofu. Omuntu yenna taabenga mulongoofu bw'anaakwatanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu ekivudde ku kukolagana n'omusajja eyavuddemu amazzi g'obusajja, oba olw'okukomako ku mulambo,

5 oba okukwata ku kyekulula ekiyinza okumufuula atali mulongoofu, oba okukoma ku muntu ayinza okumusiiga obutali bulongoofu, oba engeri yonna ey'obutali bulongoofu bw'efa yenkana.

6 Omuntu ng'oyo taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi. Taalyenga ku biweebwayo ebitukuvu wabula ng'amaze okunaaba yenna mu mazzi.

7 Enjuba bw'eneebanga egudde anaabeeranga mulongoofu; n'oluvannyuma anaalyanga ku biweebwayo ebitukuvu ebyo, kubanga ye mmere ye.

8 Taalyenga ku kintu kyonna ekinaabanga kifudde obufi, oba ekinaabanga kitaaguddwataaguddwa ebisolo, kubanga kinaamufuulanga atali mulongoofu. Nze MUKAMA.

9 Bwe batyo bakabona kibagwanira okukuumanga ebiragiro byange, balemenga okwereetako omusango ne bafa olw'okubigayaaliriranga. Nze MUKAMA Katonda abatukuza.

10 “Omuntu yenna atali wa mu lulyo lwa kabona, ne bw’anaabanga omugenyi we, oba omupakasi we, taalyenga ku biweebwayo ebyo ebitukuvu.

11 Naye kabona bw’aneeguliranga omuddu n’ensimbi, oba omuddu bw’anaazaalirwanga mu nnyumba ya kabona, omuddu oyo anaalyanga ku mmere eyo.

12 Omwana owoobuwala owa kabona bw’anaafumbirwanga omusajja atali kabona, talyenga ku biweebwayo ebyo ebitukuvu.

13 Naye singa muwala wa kabona afuuka nnamwandu, oba singa ayawukanira ddala ne bba, kyokka nga talina mwana, n’akomawo okubeeranga mu nnyumba ya kitaawe nga bwe yakolanga ng’akyali muvubuka, anaalyanga ku mmere ya kitaawe. Omuntu yenna atakwatibwako mizizo egyo taalyenga ku mmere eyo.

14 Era omuntu bw’anaalyanga ku kiweebwayo ekitukuvu nga tagenderedde, anaaleetanga ekitundu kimu kyakutaano eky’ekiweebwayo ekyo, n’akigatta ku kiweebwayo ekyo, kyonna n’akikwasa kabona.

15 Bakabona tebavumisanga bintu bitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaawangayo eri MUKAMA,

16 nga babakkiriza okulyanga ku biweebwayo byabwe ebitukuvu, bwe batyo ne babateekesaako omusango ogunaabaweesanga ekibonerezo. Nze MUKAMA Katonda abatukuza.”

### *Ebiweebwayo Ebitakkirizibwa*

17 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti,

18 “Tegeeza Alooni ne batabani be n’abaana ba Isirayiri bonna, obagambe nti, Omuntu yenna ow’omu nnyumba ya Isirayiri omu ku mmwe, oba omunnaggwanga abeera mu Isirayiri, bw’anaaleeteranga MUKAMA Katonda ekirabo eky’ekiweebwayo ekyokebwa okutuukiriza obweyamo bwe, oba ekiweebwayo olw’okweyagalira,

19 kinaateekwanga okubeera sseddume ey’ente oba ey’endiga, oba ey’embuzi etaliiko kamogo, ekirabo ekyo kiryokenga kikkirizibwe.

20 Temuwangayo kintu kyonna ekiriko akamogo kubanga tekikkirizibwenga.

21 Omuntu yenna bw’anaaleetanga ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda olw’emirembe, oba okutuukiriza obweyamo, oba ekiweebwayo olw’okweyagalira, ng’akiggya mu kiraalo oba mu kisibo, okukkirizibwa kinaabeeranga ekituukiridde nga tekiriiko kamogo.

22 Temuwangayo eri MUKAMA Katonda ensolo enzibe y’amaaso, oba eriko obuvune, oba ennema oba egongobadde, oba ezimbyezimbye ku mubiri, oba eriko amabwa agakulukuta. Ezo temuziwangayo ku kyoto eri MUKAMA Katonda ng’ekiweebwayo ekyokebwa.

23 Naye ente oba endiga ng’eriko ekitundu kyayo ekisukkiridde obuwanvu oba ekisukkiridde obumpi eneeyinzanga okuleetebwa ng’ekiweebwayo eky’okweyagalira, naye tekkirizibwenga ng’ekiweebwayo olw’okutuukiriza obweyamo.

24 MUKAMA Katonda temumuleeteranga ekiweebwayo eky’ensolo erina enjagi ezaanuubulwa, oba ezaabetentebwa, oba ezaayuzibwa, oba ezaasalibwa. Ekyo temukikolanga mu ggwanga lyammwe,

25 wadde okukkirizanga ng’ensolo ezo bannamawanga bazibatonedde ne muziwaayo ng’ekiweebwayo eri Katonda wammwe. Kubanga nnyonoonefu mu mubiri era ziriko obukyamu.”

26 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,

27 “Ente, oba endiga, oba embuzi bw’eneezaalibwanga
eneesigalanga ne nnyina waayo okumala ennaku musanvu. Okuva
ku lunaku olw’omunaana n’okweyongerayo ennekkirizibwanga
bw’eneeweebwangayo eri MUKAMA Katonda ng’ekiweebwayo ekyokebwa
mu muliro.
28 Ente oba endiga temugittanga na mwana gwayo ku lunaku lwe lumu.
29 Bwe muwangayo eri MUKAMA Katonda ekiweebwayo olw’okwebaza,
mukiwengayo mu ngeri ennungi eneekisobozesanga okukkirizibwa.
30 Kinaalibwanga ku lunaku olwo lwennyini, temukifissangawo
n’akatono okutuusa enkeera. Nze MUKAMA Katonda.
31 “Bwe mutyo mukwatenga amateeka gange era mugagonderenga. Nze
MUKAMA Katonda.
32 Temuvumisanga linnya lyange. Abaana ba Isirayiri kibagwanira
okunzisangamu ekitiibwa nga Nze mutukuvu. Nze MUKAMA Katonda
abatukuza mmwe,
33 era Nze nabaggya mu nsi y’e Misiri mbeerenga Katonda wammwe.
Nze MUKAMA Katonda.”

# 23

1 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,
2 “Yogera n’abaana ba Isirayiri obagambe nti, Zino ze mbaga zange ze
nnonze, nga ze mbaga za MUKAMA Katonda ezirondeddwa ze munaakubi-
rangako enkuŋŋaana entukuvu.

### *Ssabbiiti*

3 “Mu nnaku omukaaga munaakolerangamu emirimu gyammwe, naye
olunaku olw’omusanvu ye Ssabbiiti ey’okuwummula; lunaabeeranga
olunaku olw’okukuŋŋaana okutukuvu. Temulukolerangako mulimu
n’akatono yonna gye munaabeeranga, kubanga ye Ssabbiiti ya MUKAMA
Katonda.

### *Okuyitako n’Emigaati Egitali Mizimbulukuse*

4 “Zino ze mbaga MUKAMA Katonda ze yeerondera okunaakubirwanga
enkuŋŋaana entukuvu ze munaalangiriranga mu ntuuko zaazo:
5 Embaga ya MUKAMA Katonda ey’Okuyitako eneetandikanga
ng’obudde buwungeera ku lunaku olw’ekkumi n’ennya olw’omwezi
ogw’olubereberye.
6 Ku lunaku olw’ekkumi n’ettaano olw’omwezi ogwo,
Embaga ya MUKAMA Katonda ey’Emigaati Egitali Mizimbulukuse
kw’eneetandikiranga; munaamalanga ennaku musanvu nga mulya
emigaati egifumbiddwa nga temuli kizimbulukusa.
7 Ku lunaku olusooka olw’embaga eyo ey’Okuyitako munaakubanga
olukuŋŋaana olutukuvu, era temuukolerengako mirimu gyammwe egya
bulijjo.
8 Munaamalanga ennaku musanvu nga buli lunaku muleeta ekiweeb-
wayo ekyokebwa n’omuliro eri MUKAMA. Ku lunaku olw’omusanvu
munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu, era temuukolerengako mirimu
gyammwe egya bulijjo.”

### *Embaga ey’Ebibala Ebibereberye*

9 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,

10 “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Bwe mutuukanga mu nsi gye nzija okubawa ne mukungula ebibala byamu, muleetanga eri kabona ekinywa eky’ebibala byammwe eby’olubereberye;

11 naye anaawuubawuubanga ekinywa ekyo awali MUKAMA Katonda kiryoke kikkirizibwe ku lwammwe. Kabona anaakiwuubawuubanga ku lunaku oluddirira Ssabbiiti.

12 Ku lunaku olwo lwe munaawuubirawuubirangako ekinywa, munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA Katonda eky’omwana gw’endiga omulume, ogwakamala omwaka gumu ogw’obukulu era nga teguliiko kamogo.

13 N’ekiweebwayo eky’emmere ey’empeke ekigenderako kinaabanga kigero kya desimoolo bbiri eza efa[*], eky’obuwunga obulungi nga mutabuddwamu n’amafuta ag’omuzeeyituuni, nga kye kiweebwayo ekyokebwa n’omuliro eri MUKAMA, ne muvaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA n’ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako kinaabanga ekitundu kimu kya kuna ekya lita emu ey’envinnyo.

14 Era temuulyenga ku mugaati n’akatono oba ku mmere ey’empeke ensiike oba eyaakakungulwa, okutuusa ku lunaku olwo lwennyini lwe munaaleeterangako ekiweebwayo kino eri Katonda wammwe. Lino linaabanga tteeka ery’enkalakkalira ery’emirembe gyonna egigenda okujja, mu bifo byonna gye munaabeeranga.

## *Embaga eya Pentekoote*

15 “Okuva ku lunaku oluddirira Ssabbiiti, nga lwe lunaku kwe mwaleetera ekiweebwayo eky’ekinywa ekiwuubibwawuubibwa mubalanga ewiiki enzijuvu musanvu.

16 Munaabalanga ennaku amakumi ataano okutuuka ku Ssabbiiti ey’omusanvu, ne mulyoka muwaayo eri MUKAMA ekiweebwayo eky’emmere ey’empeke empya eyaakakungulwa.

17 Nga muva mu buli kitundu gye mubeera, munaaleetanga emigaati, ebiri ebiri nga gikoleddwa mu kigero ekya desimoolo bbiri eza efa ez’obuwunga obulungi, nga bufumbiddwa n’ekizimbulukusa; nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekiwuubibwawuubibwa eky’ebibala ebibereberye.

18 Era awamu n’emigaati egyo munaaleeterangako abaana b’endiga musanvu ab’omwaka gumu abataliiko kamogo; munaaleetanga n’ente eya seddume ento emu, n’endiga ennume ento bbiri. Binaabeeranga ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA, awamu n’ekiweebwayo eky’emmere ey’empeke n’ekiweebwayo eky’ebyokunywa; nga kye kiweebwayo ekyokebwa n’omuliro, ne muvaamu evvumbe erisanyusa MUKAMA.

19 Era munaawangayo embuzi emu ennume nga kye kiweebwayo olw’ekibi, era n’endiga ento ennume ez’omwaka ogumu bbiri nga kye kiweebwayo olw’emirembe.

20 Kabona anaawubawuubanga ebiweebwayo ebyo awamu n’emigaati egikoleddwa mu bibala ebibereberye n’endiga zombi ento, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekiwuubibwawuubibwa. Kinaabanga kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekitukuvu, era kabona y’anaakitwalanga.

21 Ku lunaku olwo onoolangiriranga olukuŋŋaana olutukuvu; era temujjanga kukolerako mirimu gyammwe egya bulijjo. Eryo linaabeeranga etteeka ery’emirembe gyonna mu mmwe buli yonna gye munaabeeranga.

[*] **23:13** Efa Ze liita nnya n’ekitundu

22 “Bwe munaakungulanga emmere mu ttaka lyammwe temugimalirangamu ddala okutuuka ku mbibiro z’ennimiro yammwe, wadde okukuŋŋaanyanga eneebanga ekunkumuse wansi nga mumaze okukungula. Eyo mugirekeranga abaavu ne bannamawanga. Nze MUKAMA Katonda wammwe.”

*Embaga ey’Amakondeere*

23 Awo MUKAMA n’agamba Musa nti,
24 “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti olunaku olw’olubereberye mu mwezi ogw’omusanvu lunaabanga lwa kuwummula, munaakwatirangako olukuŋŋaana olutukuvu olunaalangirirwanga n’okufuuwa amakondeere ag’omwanguka.
25 Temukolerangako mirimu gyonna egya bulijjo, naye munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa n’omuliro eri MUKAMA Katonda.”

*Olunaku olw’Okutangiririrwa*

26 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,
27 “Olunaku olw’ekkumi olw’omwezi guno ogw’omusanvu lwe lunaabanga Olunaku olw’Okutangiririrwa. Munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu, muneefiirizanga ne mwerumya, era munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa n’omuliro eri MUKAMA Katonda.
28 Olunaku olwo temulukolerangako mulimu na gumu, kubanga lwe Lunaku olw’Okutangiririrwa, lwe munaatangiririrwanga awali MUKAMA Katonda wammwe.
29 Omuntu yenna anaagaananga okwefiiriza ku lunaku olwo kinaamugwaniranga okuwaŋŋangusibwa n’aggyibwa mu banne.
30 Era buli muntu anaakolanga omulimu ku lunaku olwo ndimuggya mu banne ne mmuzikiriza.
31 Temulukolerangako mulimu n’akatono. Eryo linaabeeranga etteeka ery’enkalakkalira, ery’emirembe gyonna egigenda okujja mu bifo byonna gye munaabeeranga.
32 Lunaabeeranga lwa Ssabbiiti na kuwummulirako gye muli, era muneefiirizanga. Munaakuumanga Ssabbiiti yammwe okuva ku lunaku olw’omwenda olw’omwezi akawungeezi okutuusa ku kawungeezi akaddirira.”

*Embaga ey’Ensiisira*

33 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,
34 “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti ku lunaku olw’ekkumi n’ettaano Embaga ya MUKAMA ey’Ensiisira kw’eneetandikiranga, era eneemalanga ennaku musanvu.
35 Ku lunaku olw’olubereberye munaakubirangako olukuŋŋaana olutukuvu; temuulukolerengako mirimu egya bulijjo.
36 Munaaleetanga ebiweebwayo eri MUKAMA ebyokye mu muliro okumalira ddala ennaku musanvu, ne ku lunaku olw’omunaana munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu ne muwaayo eri MUKAMA Katonda ekiweebwayo ekyokye n’omuliro. Olwo lwe lukuŋŋaana olukulu oluggalawo, temulukolerangako mirimu egya bulijjo.
37 “Ezo ze mbaga MUKAMA ze yalagira, ze munaalangiriranga nti mbaga ntukuvu okunaaleeterwanga ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda ebyokeddwa mu muliro, ebiweebwayo ebyokye, ebiweebwayo eby’empeke, ssaddaaka n’ebiweebwayo ebinywebwa ebineetaagibwanga buli lunaku.
38 Ebiweebwayo bino byeyongera ku biri eby’oku Ssabbiiti za MUKAMA Katonda, era ne byeyongera ku birabo byammwe ne ku ebyo byonna

bye munaabanga mweyamye, ne ku biweebwayo ebirala byonna bye munaabanga muleetedde MUKAMA Katonda nga mweyagalidde.

39 “Kale nno okutandikira ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'omusanvu, nga mumaze okukungula n'okuyingiza ebibala ebivudde mu ttaka lyammwe, munaakoleranga MUKAMA Katonda ekijaguzo okumala ennaku musanvu; olunaku olw'olubereberye lunaabanga lwa kuwummula era n'olunaku olw'omunaana nalwo nga lwa kuwummula.

40 Ku lunaku olw'olubereberye munaanoganga ku miti ebibala ebisingira ddala obulungi ne muddira n'amatabi g'enkindu, n'amatabi ag'emiti agaziyidde n'ebikoola ebigimu, n'emiti egy'oku migga, ne mulyoka musanyukira awali MUKAMA Katonda wammwe okumala ennaku musanvu.

41 Mukolanga bwe mutyo ng'ekyo kye kijaguzo eri MUKAMA Katonda, okumala ennaku musanvu buli mwaka. Lino ly'etteeka ery'enkalakkalira erinaakwatibwanga n'ab'omu mirembe egigenda okujja; mujaguzenga mu mwezi ogw'omusanvu.

42 Munaasulanga mu busiisira okumala ennaku musanvu. Abo bonna abazaaliranwa ab'omu Isirayiri banaasulanga mu busiisira,

43 bwe batyo ab'omu zzadde lyammwe balyoke bamanye nga bwe nasuzanga abaana ba Isirayiri mu busiisira bwe nnali nga mbaggya mu nsi y'e Misiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.”

44 Bw'atyo Musa n'alangirira mu baana ba Isirayiri embaga za MUKAMA ennonde.

# 24

*Amafuta ag'Omuzeeyituuni n'Emigaati egy'Okulaga*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,

2 “Lagira abaana ba Isirayiri bakuleetere amafuta ag'omuzeeyituuni aga zeyituuni amalungi amaka ag'okukozesa mu ttaala ziryoke zaakenga buli kiseera awatali kusalako.

3 Wabweru w'Eggigi ery'Endagaano mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, Alooni w'anaalabiririranga ettabaaza ezo nga zaakira awali MUKAMA Katonda okuva akawungeezi okutuusa mu makya awatali kusalako. Eryo linaabanga tteeka ery'enkalakkalira ne mu mirembe egigenda okujja.

4 Alooni anaalabiriranga ettaala ez'oku kikondo ekya zaabu omuka awali MUKAMA Katonda nga zaaka awatali kusalako.

5 “Ojja kuddiranga obuwunga bw'eŋŋaano obulungi ofumbe emigaati kkumi n'ebiri ng'okozesa desimoolo bbiri eza efa*.

6 Onoogitegekanga mu nnyiriri bbiri nga mu buli lunyiriri mulimu emigaati mukaaga. Onoogiteekanga ku mmeeza eya zaabu omuka awali MUKAMA.

7 Era ku buli lunyiriri onooteekangako obubaane obuka nga bugendera wamu n'emigaati nga kye kijjukizo eky'ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda nga kyokeddwa mu muliro.

8 Emigaati egyo ginaategekebwanga awali MUKAMA buli Ssabbiiti awatali kwosa, ng'ekyo kikolebwa ku lw'abaana ba Isirayiri nga ye ndagaano ey'emirembe n'emirembe.

9 Emigaati egyo ginaabanga gya Alooni ne batabani be, era banaagiriiranga mu kifo ekitukuvu, kubanga giva ku kiweebwayo ekitukuvu ennyo eri MUKAMA Katonda nga kyokeddwa mu muliro nga kye kiragiro eky'enkalakkalira.”

* **24:5** Efa ezo ze liita nnya n'ekitundu

*Avvoola wa Kuttibwanga*

10 Awo mutabani w'omukazi Omuyisirayiri naye nga kitaawe Mumisiri n'afuluma n'abeera mu baana ba Isirayiri, naye ne wasitukawo olutalo wakati w'omusajja oyo n'Omuyisirayiri, nga bali mu lusiisira†.

11 Mutabani w'omukazi Omuyisirayiri n'avvoola Erinnya lya Mukama, era n'akolima. Ne bamuleeta eri Musa. Nnyina ye yali Seromisi, muwala wa Dibuli ow'omu kika kya Ddaani.

12 Ne bamuggalira mu kkomera okutuusa Mukama Katonda lw'anaabategeeza ekinaakolebwa.

13 Awo Mukama Katonda n'agamba Musa nti,

14 "Eyavvodde mumufulumye ebweru w'olusiisira. Abo bonna abaamuwulidde ng'avvoola bateeke emikono gyabwe ku mutwe gwe; oluvannyuma ekibiina kyonna kiryoke kimukube amayinja.

15 Tegeeza abaana ba Isirayiri nti omuntu yenna anaakolimiranga Katonda we anaabanga n'obuvunaanyizibwa olw'ekibi ekyo.

16 Oyo yenna anavvoolanga erinnya lya Mukama Katonda anattibwanga. Ekibiina kyonna kinaamukubanga amayinja. Ne bw'anaabanga omugwira oba Omuyisirayiri, bw'anavvoolanga Erinnya‡ anattibwanga.

17 "Anattanga omuntu naye anattibwanga.

18 Omuntu yenna anattanga ensolo ya munne anaagimuliyiranga, ensolo ku nsolo.

19 Omuntu bw'anaaleetanga akamogo ku munne n'amulumya, ekyo ky'akoze ku munne naye kye kinaamukolwangako:

20 obuvune olw'obuvune, eriiso olw'eriiso, erinnyo olw'erinnyo; nga bw'anaabanga alumizza munne, naye bw'atyo bw'anaalumizibwanga.

21 Omuntu anattanga ensolo ya munne anaagimuliyiranga, n'oyo anattanga omuntu naye waakuttibwanga.

22 Etteeka lye limu lye linaafuganga omugwira era n'Omuyisirayiri. Nze Mukama Katonda wammwe."

23 Bw'atyo Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri, ne bafulumya eyavvoola ebweru w'olusiisira ne bamukuba amayinja n'afa. Abaana ba Isirayiri baakola nga Mukama bwe yalagira Musa.

# 25

*Omwaka gwa Ssabbiiti*

1 Mukama Katonda yagamba Musa ku lusozi Sinaayi nti,

2 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti bwe mutuukanga mu nsi gye mbawa, ensi yennyini eneekuumiranga Mukama Katonda ssabbiiti.

3 Okumala emyaka mukaaga ennimiro zammwe munaazisigangamu emmere, era mu myaka egyo omukaaga munaasaliranga emizabbibu gyammwe n'ebibala ne mubikungula.

4 Naye mu mwaka ogw'omusanvu ettaka ly'ensi eyo linaabanga ne ssabbiiti ey'okuwummula eri Mukama Katonda. Temusiganga mmere mu nnimiro zammwe wadde okusalira emizabbibu gyammwe.

5 Ebimera ebyekuzizza byokka, ebimererezi, temubikungulanga wadde okunoga ebibala ku mizabbibu gyammwe egitaasalirwa. Omwaka ogwo ettaka ly'ensi linaaguwummulanga.

† **24:10** Mu kuva e Misiri, waaliwo bannaggwanga abeegatta ku Bayisirayiri (Kuv 12:38) era baali kyakulabirako kibi eri Abayisirayiri (Kbl 11:4). Noolwekyo kino kireeta Essuula empya ku biragiro ebikwata ne ku bannaggwanga ‡ **24:16** Erinnya lya Mukama Katonda

6 Ebyo byonna ebyokulya ebinaavanga mu ttaka mu mwaka ogwa ssab-
biiti yaalyo binaabanga mmere yammwe, mmwe bennyini, n'eri abaddu
bammwe abasajja, n'abakazi, era n'abaweereza bammwe ab'empeera,
n'abagenyi abanaabanga basula mu maka gammwe;
7 era n'ente zammwe n'ensolo ez'omu nsiko ezinaabanga ku ttaka
lyammwe. Buli ekyokulya ekinaakuliranga ku ttaka eryo kinaabanga
mmere.

### *Omwaka ogw'Okujaguza Jjubiri*

8 "Munaabaliriranga essabbiiti musanvu ez'omu myaka, kwe kugamba
nti musanvu emirundi emyaka musanvu. Bwe kityo ekiseera kyonna ekya
ssabbiiti ezo ne kiba emyaka amakumi ana mu mwenda.
9 Ekkondeere ery'okujaguza munaalifuuyiranga wonna wonna
ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'omusanvu ku Lunaku
olw'Okutangiririrwa, ekkondeere munaalifuuyiranga mu nsi yammwe
yonna.
10 Munaatukuzanga omwaka ogw'amakumi ataano, era munaalangiri-
ranga ebiseera eby'eddembe eri abatuuze bonna mu ggwanga lyammwe.
Omwaka ogwo gunaabanga gwa kujaguza gwa Jjubiri* gye muli; buli omu
anaddangayo mu kifo kye eky'obwannannyini, era buli omu anaddangayo
mu kika kye.
11 Omwaka ogw'amakumi ataano gunaabanga gwa kujaguza gwa Jjubiri
gye muli; mu mwaka ogwo temuusigenga era temuukungulenga bikuze
ku bimererezi newaakubadde okukuŋŋaanya ebibala eby'oku mizabbibu
egitali misalire.
12 Kubanga ekiseera ekyo kya kujaguza kya Jjubiri era kinaabanga
kitukuvu gye muli; mulyenga ebyo byokka bye munaggyanga mu nnimiro.
13 "Mu mwaka ogwo ogw'okujaguza ogwa Jjubiri buli omu anaddangayo
mu kifo kye eky'obwannannyini.
14 Era bwe munaatunzanga bannammwe ekintu kyonna oba bwe
munaagulanga ku bannammwe ekintu kyonna, temuseeragananga.
15 Munnansi munno onoomugulangako ng'osinziira ku myaka egyakay-
itawo okuva ku kujaguza ku Jjubiri. Era naye anaakutunzanga ng'asinziira
ku myaka egibulayo okutuuka ku makungula g'ebibala.
16 Emyaka bwe ginaabanga emingi, omuwendo ogulamulwa mu-
naagwongezanga, naye emyaka bwe ginaabanga emitono munaaguk-
endeezanga, kubanga obungi bw'ebikungulwa, bw'ogula ku mutunzi.
17 Temuseeragananga; mutyanga Katonda wammwe, kubanga Nze
MUKAMA Katonda wammwe.
18 "Mugonderenga ebiragiro byange, era mukwatenga amateeka gange,
bwe mutyo munaatuulanga n'emirembe mu nsi yammwe.
19 Ensi eneebaleeteranga ebibala byayo, ne mulya ne mukkuta ne
mutuulamu n'emirembe.
20 Muyinza okubuuza nti, 'Bwe tutaasigenga era ne tutakungulanga, kale
mu mwaka ogw'omusanvu tunaalyanga ki?'
21 Mu mwaka ogw'omukaaga ndibayiwako omukisa gwange ogulireetera
ensi yammwe ebibala ebirimala emyaka esatu.
22 Bwe munaabanga musiga mu mwaka ogw'omunaana, munaabanga
mulya ku bibala ebikadde bye mwatereka, okutuusa nga mukungudde
ebibala eby'omwaka ogw'omwenda.

* **25:10** Jjubiri kitegeeza buwanguzi

23 Ettaka teriitundibwenga kagenderere, kubanga ensi yange; mwe muli bayise era abasuze obusuze.
24 Buli kitundu kya nsi kye munaalyanga, bwe mutundanga ettaka mwerekerangawo omwagaanya ogw'okulinunulayo gye mulitunze.

*Okununula Ebintu*

25 "Munnansi munnammwe bw'anaayavuwalanga, n'atunda ebimu ku bintu bye, muganda we ow'okumpi mu luganda anajjanga n'anunula ebyo munnansi munne by'atunze.
26 Omuntu bw'anaabanga talina anaabimununulira, naye ye ku bubwe ng'agaggawadde, era ng'afunye obusobozi obw'okubinunula,
27 anaabaliriranga omuwendo gw'ensimbi oguli mu myaka kasookedde abitunda, n'abala n'omuwendo ogugya mu myaka egisigaddeyo okutuuka ku Jjubiri, n'agusasula omuntu gwe yaguza ebintu ebyo, olwo eyatunda aneddirangayo mu bintu bye.
28 Naye singa alemwa okufuna obusobozi okumusasula, kale ebyo bye yatunda binaasigalanga mu mukono gw'eyabigula nga ye nannyini byo okutuusa mu Mwaka gwa Jjubiri. Binamuddizibwanga mu Jjubiri, era anaayinzanga okweddirayo mu bintu bye.
29 "Omuntu bw'anaatundanga ennyumba esulwamu eri mu kibuga ekyetooloddwa bbugwe, anaayinzanga okuginunula mu mwaka nga tegunaggwaako. Mu bbanga eryo ery'omwaka omulamba mw'anaabeereranga n'obuyinza obw'okuginunula.
30 Ennyumba eyo eri mu kibuga ekyetooloddwa bbugwe bw'eteenunulibwenga mu bbanga ery'omwaka ogumu, kale eneebeereranga ddala y'oyo eyagigula n'ezzadde lye. Eyagitunda teemuddizibwenga mu Jjubiri.
31 Naye amayumba ag'omu bubuga obutono obw'omu byalo obuteetooloddwako bisenge, ganaabalirwanga mu ttuluba lye limu n'ery'ennimiro eziri mu byalo. Ganaanunulibwanga era ne gaddira bannyinigo mu Jjubiri.
32 "Bulijjo Abaleevi banaabanga ba ddembe okununula amayumba gaabwe agali mu bibuga byabwe eby'Abaleevi bye balinako obwannannyini.
33 Era Omuleevi bw'anaabanga takozesezza ddembe lye ery'okununula, kale ennyumba eyatundirwa mu kibuga Abaleevi kye balinako obwannannyini, eneemuddiranga mu Jjubiri; kubanga mu bantu ba Isirayiri ennyumba eziri mu bibuga by'Abaleevi za Baleevi.
34 Naye ennimiro eziri ku ttaka lya wamu ery'ebibuga byabwe teziitundibwenga; kubanga ezo zaabwe za bwannannyini obw'olubeerera.

*Etteeka ery'Okuwola Ensimbi*

35 "Munnansi munnammwe bw'anaayavuwalanga ng'ali wamu nammwe, nga takyasobola kwefunira buyambi, mubeerenga naye nga mumulabirira nga bwe mwandirabiridde omunnaggwanga oba omusuze obusuze ali mu mmwe.
36 Mutyenga Katonda wammwe. Munnammwe temumuggyangako magoba ku kintu kyonna kye munaabanga mumuwoze, bw'atyo munnammwe oyo alyoke abeerenga mu mmwe.
37 Bw'omuwolanga ensimbi azzengawo omuwendo gwennyini gw'omuwoze so tasukkirizangamu. Era bw'omuguzanga emmere tossangamu magoba.

38 Nze MUKAMA Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey'e Misiri
okubawa ensi ya Kanani n'okubeera Katonda wammwe.

### *Okununula Abaddu*

39 "Era munnansi munnammwe bw'anaayavuwalanga ng'ali nammwe,
ne yeetunda gye muli, temumukozesanga nga muddu.
40 Munaamukozesanga ng'omupakasi ow'empeera oba ng'omusuze
obusuze, ng'ali nammwe. Anaabaweerezanga okutuusa mu Mwaka gwa
Jjubiri.
41 Kale nno, olwo anaalekebwanga n'addayo ewaabwe, ye n'abaana be,
mu kika kye ku butaka bwa bakadde be.
42 Kubanga baweereza bange be naggya mu nsi y'e Misiri; tebaatundib-
wenga ng'abaddu.
43 Temubafugisanga bukambwe, naye mutyenga Katonda wammwe.
44 Abaddu bammwe abasajja n'abaddu bammwe abakazi munaabag-
gyanga mu mawanga agabeetoolodde, mu mawanga ago mwe muneeg-
uliranga abaddu abasajja n'abaddu abakazi.
45 Era munaayinzanga okwegulira ku bannamawanga abali nammwe
abasuze obusuze, ne ku baana baabwe abanaazaalirwanga mu nsi
yammwe; abo banaabanga nvuma zammwe.
46 Munaayinzanga okulaamira batabani bammwe abalibagoberera en-
vuma ezo ng'obusika bwabwe obw'emirembe gyonna. Naye Bayisirayiri
bannammwe temubafugisanga bukambwe.

47 "Omunnaggwanga oba omusuze obusuze ali nammwe
bw'anaagaggawalanga, naye munnansi munnammwe bwe babeera
n'ayavuwala, ne yeetunda eri munnaggwanga oba eri omusuze obusuze
ali nammwe, oba eri omu ku b'omu luggya lwa munnaggwanga,
48 anaayinzanga okununulibwa, ng'amaze okwetunda. Omu ku baganda
be anayinzanga okumununula:
49 Taata we oba mutabani wa taata we, oba owooluganda omulala
ow'okumpi mu buzaale ow'omu kika kye anaayinzanga okumununula.
Oba ye bw'anaagaggawalanga anaayinzanga okwenunula.
50 Ye n'oli eyamugula bajjanga kubalirira ebbanga okuva mu mwaka
gwe yeetundiramu okutuuka ku Mwaka gwa Jjubiri. Omuwendo
ogw'okununulibwa guneesigamizibwanga ku muwendo gw'emyaka eg-
ibaliriddwa; ebbanga lye yamala n'eyamugula linaageraageranyizib-
wanga n'ebbanga ery'omupakasi asasulwa empeera.
51 Mu kubalirira kwabwe bwe kinaazuukanga ng'ekyasigaddeyo emyaka
mingi okutuuka ku Jjubiri, ku muwendo gwe yeetunda anaasasulangako
omuwendo munene olw'okwenunula.
52 Naye bw'eneebanga esigaddeyo emyaka mitono, egyo
gy'anaabalirirangamu ensimbi zaamu n'asasula ezo nga bwe kyetaagisa
olw'okwenunula.
53 Oyo eyagula munne anaamuyisanga ng'omupakasi amukolera mu
kupatana okwa buli mwaka. Temulekanga oyo eyagula munne okumu-
tuntuzanga nga nammwe mulaba.

54 "Bw'anaabanga tanunulibbwa mu zimu ku ngeri ezo, ye n'abaana be
banaanunulibwanga mu Mwaka gwa Jjubiri.
55 Kubanga abaana ba Isirayiri bantu bange, abaweereza bange be
naggya mu nsi ey'e Misiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

# 26

*Emikisa Egiva mu Buwulize*

1 “Temwekoleranga bifaananyi oba okwesimbira ebifaananyi ebyole,
oba amayinja ge muyise amatukuvu, era temuteekanga mayinja mawoole
mu nsi yammwe okugavuunamiranga. Nze MUKAMA Katonda wammwe.
2 Mukwatenga Ssabbiiti zange, era n’ebifo byange ebitukuvu mubissen-
gamu ekitiibwa. Nze MUKAMA Katonda.
3 “Bwe munaakwatanga amateeka gange, ne mugondera ebiragiro
byange n’obwegendereza,
4 nnaabatonnyesezanga enkuba mu ntuuko zaayo, n’ettaka linaa-
vangamu ebibala byalyo, n’emiti egy’omu nnimiro ginaabalanga ebibala
byagyo.
5 Munaawuulanga okutuusa ku makungula g’emizabbibu, n’okukungula
emizabbibu kunaabatuusanga mu biseera eby’okusiga; era munaalyanga
emmere yonna nga bwe mwetaaga, ne mubeera mu nsi yammwe nga
mulina emirembe.
6 “Ndibawa emirembe mu nsi ne mwebaka bulungi, so tewaabengawo
anaabatiisatiisanga. Ebisolo ebikambwe ndibimalamu mu nsi yammwe,
era temuubeerengamu ntalo.
7 Munaawonderanga abalabe bammwe ne mubatta n’ekitala ne
mubawangula.
8 Abataano mu mmwe banaagobanga ekikumi, era ekikumi mu
mmwe banaagobanga omutwalo ogumu, era munaawangulanga abalabe
bammwe n’ekitala.
9 “Nnaabassangako omwoyo ne mbawa okuzaala ne mweyongera
obungi, era endagaano yange nammwe nnaagituukirizanga.
10 Munaabanga mukyalya ku makungula ag’omwaka oguyise ne muga-
fulumya olw’amakungula amaggya.
11 Ekifo kyange eky’okubeeramu nnaakiteekanga mu mmwe, era omu-
tima gwange teguubatamwenga.
12 Nnaatambuliranga mu mmwe, era nnaabanga Katonda wammwe,
nammwe munaabanga bantu bange.
13 Nze MUKAMA Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey’e Misiri, mu-
lyoke mukome okuba abaddu b’Abamisiri; namenya ebikoligo byammwe
ne mbasobozesa okutambula nga mwesimbye.

*Ebibonerezo Ebiva mu Bujeemu*

14 “Naye bwe mutampulirenga, ne mutagondera biragiro ebyo byonna,
15 era bwe munaanyoomoolanga ebiragiro byange ne mukyawa ama-
teeka gange, ne mulemwa okutuukiriza ebiragiro byange ebyo byonna,
bwe mutyo ne mutakuumanga ndagaano yange,
16 kale, kino kye ndibakola: Ndibaleetera entiisa eza mangu
ez’embagirawo, n’obulwadde obw’olukonvuba obubalumya akasiiso
n’omusujja, ebiribaziba amaaso ne bibakamulamu obulamu. Era mulite-
ganira bwereere okusimba ebibala byammwe, kubanga abalabe bammwe
be balibirya.
17 Ndibeefuukira, abalabe bammwe n’okubawangula ne babawangula;
abo ababakyawa banaabafuganga, ne mudduka n’okudduka so nga tewali
abagoba.
18 Oluvannyuma lw’ebyo byonna okubatuukako, era bwe mu-
taŋŋonderenga, kale ndyongera okubabonereza okusingawo emirundi
musanvu, olw’ebibi byammwe.

19 Amalala gammwe n’emputtu ndibibaggyamu, eggulu ne likakanyala
ng’ekyuma, n’ettaka ne likaluba ng’ekikomo.
20 Amaanyi gammwe ganaabafanga busa, kubanga ettaka lyammwe
teriivengamu mmere yaalyo, wadde emiti egy’omu nsi yammwe okubala
ebibala byagyo.
21 “Era bwe muneeyongeranga okutambulira mu makubo ge sikkiriza,
ne mugaana okumpulira, ndyongera okubaleetako endwadde nnyingi nga
za mirundi musanvu ng’ebibi byammwe bwe byenkana.
22 Era ndibasindikira ensolo ez’omu nsiko, ezinaalyanga abaana
bammwe, ne zizikiriza ente zammwe n’omuwendo gwammwe ne guk-
endeera, nga n’enguudo zammwe tewakyali azitambuliramu.
23 “Era okukangavvula okwo bwe kutaabakyusenga kudda gye ndi, naye
ne mweyongera okujeema,
24 kale, nange ndibalaga obukambwe, era nze kennyini ndibeeboner-
ereza emirundi musanvu olw’ebyonoono byammwe.
25 Era nnaabaleeteranga entalo okwesasuza olw’okumenya endagaano.
Bwe muneekuŋŋaanyizanga mu bibuga byammwe, nnaabaleeteranga
endwadde enkambwe, era n’abalabe bammwe banaabawangulanga.
26 Bwe ndikendeeza ku bungi bw’emmere yammwe, olwo abakazi
ekkumi banaabafumbiranga emmere yammwe mu ntamu emu, era
buli omu banaamupimirangako akatole katono. Munaalyanga, naye
temukkutenga.
27 “N’ebyo byonna bwe binaalemanga okukyusa emitima gyammwe
okumpulira, naye ne mweyongera okunjeemeranga;
28 nange nnaabasunguwaliranga, nze kennyini ne mbeebonerereza
emirundi musanvu olw’ebibi byammwe.
29 Mulirya batabani bammwe ne bawala bammwe.
30 Ndizikiriza ebyoto bya bakatonda bammwe, ne ntemaatema baka-
tonda abalala, ne ntuuma emirambo gyammwe ku mirambo gya baka-
tonda abalala; era ndibakyawa.
31 Ebibuga byammwe binaasigaliranga awo tayo, n’ebifo byammwe
ebitukuvu nga tebiriiko abifaako, era n’akaloosa akava mu biweebwayo
byammwe tekansanyusenga.
32 Ensi yammwe ndigifuula ddungu n’abalabe bammwe abanaag-
ibeerangamu ne bagyewuunya.
33 Ndibasaasaanyiza mu mawanga ne mbagobereza ekitala kyange. Ensi
yammwe erifuuka amalungu n’ebibuga byammwe nga bimenyeddwa.
34 Awo ettaka ne liryoka lifuna emyaka egya ssabbiiti zaalyo mu bbanga
eryo lye lirimala nga tewali alifaako, nga mmwe muli mu nsi z’abalabe
bammwe; ettaka ne liwummulako ne lyeyagalira mu ssabbiiti zaalyo ezo.
35 Ebbanga eryo lyonna ettaka lye lirimala nga tewali kikolerwako,
liriba n’okuwummula kwe litaafuna mu ssabbiiti ezaayita bwe mwali nga
mmwe mulibeerako.
36 “Mu mmwe, abaliba basigaddewo nga bakyali balamu, nditeeka
okutya mu mitima gyabwe nga bali eyo mu nsi z’abalabe baabwe, nga
n’eddoboozi ly’akakoola k’omuti akafuumuulibwa n’empewo kabatiisa.
Banaddukanga ng’abaliko abalabe ab’ebitala ababagoba, banaagwanga
newaakubadde nga tewaabeerengawo babawondera.
37 Banaagwaŋŋanangako ng’abadduka okwewonya omulabe ow’ekitala
newaakubadde nga tewaabengawo babawondera. Bwe mutyo temuu-
sobolenga kwolekera balabe bammwe.

38 Mulisaanawo mu mawanga; ensi z'abalabe bammwe ziribamira.
39 N'abo ku mmwe abanaabanga basigaddewo banaakoozimbiranga mu
nsi z'abalabe bammwe olw'ebibi byabwe, era balikoozimba n'olw'ebibi
bya bakitaabwe.

*Okuzza Obuggya Endagaano*

40 "Naye bwe baneenenyanga ebibi byabwe n'ebyonoono bya baki-
taabwe n'obunnanfuusi bwabwe gye ndi n'obujeemu bwabwe,
41 ebyandeetera okubalaga obukambwe ne mbasindika ne mu nsi
z'abalabe baabwe, era amalala g'emitima gyabwe egitali mikomole bwe
galikkakkana ne bakkiriza okukola ebibonerezo olw'ebyonoono byabwe,
42 kale ndijjukira endagaano yange ne Yakobo, ne nzijukira endagaano
yange ne Isaaka n'endagaano yange ne Ibulayimu, era ndijjukira n'ensi
yaabwe.
43 Naye ensi banaabanga bagivuddemu n'efuna ssabbiiti zaayo kubanga
abaagibeerangamu tebakyagirimu. Banaabonerezebwanga olw'ebibi
byabwe kubanga baanyoomoolanga amateeka gange ne batagondera
biragiro byange.
44 Newaakubadde ng'ebyo biriba bwe bityo, bwe banaabanga
mu nsi z'abalabe baabwe, siibeggyengako wadde okubakyawanga
n'okumenyawo ne mmenyerawo ddala endagaano yange gye nalagaana
nabo; kubanga Nze MUKAMA Katonda waabwe.
45 Naye ku lwabwe, najjukiranga endagaano gye nalagaana ne bajja-
jjaabwe, be naggya mu nsi ey'e Misiri nga n'amawanga gonna galaba
ndyoke mbeere Katonda waabwe. Nze MUKAMA."
46 Ago ge mateeka n'ebiragiro n'amateeka amakulu MUKAMA ge yakolera
abaana ba Isirayiri, nga bwe yalagira Musa, ku lusozi Sinaayi.

# 27

*Obweyamo eri MUKAMA*

1 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Yogera eri abaana ba Isirayiri obagambe nti: Omuntu bw'anaakolanga
obweyamo obw'enjawulo obw'okuwaayo abantu eri MUKAMA naye
ng'asasulayo miwendo egibagyamu, onoobasaliranga bw'oti:
3 omusajja aweza emyaka egy'obukulu egiri wakati w'amakumi abiri
n'enkaaga anaaleetanga sekeri za ffeeza amakumi ataano*, nga sekeri
z'omu watukuvu bwe ziba,
4 naye bw'anaabanga omukazi onoomusaliranga sekeri amakumi asatu†.
5 Omuntu aweza emyaka egy'obukulu egiri wakati w'ettaano
n'amakumi abiri, bw'anaabanga omusajja onoomusaliranga sekeri
amakumi abiri‡ naye omukazi sekeri kkumi§.
6 Bw'anaabanga omwana ng'ali wakati w'omwezi gumu n'emyaka
etaano, onoomusaliranga sekeri ttaano* eza ffeeza nga mulenzi, naye
omuwala sekeri za ffeeza ssatu†.

* **27:3** sekeri za ffeeza amakumi ataano ze gulaamu lukaaga † **27:4** sekeri amakumi asatu ze gulaamu ebikumi bisatu ‡ **27:5** sekeri amakumi abiri ze gulaamu ebikumi bibiri § **27:5** sekeri kkumi ze gulaamu kikumi mu kkumi * **27:6** sekeri ttaano ze gulaamu amakumi ataano mu ttaano † **27:6** sekeri za ffeeza ssatu ze gulaamu amakumi asatu mu ttaano

7 Omuntu bw'anaabanga ow'emyaka egy'obukulu nkaaga
n'okusingawo, omusajja onoomusaliranga sekeri kkumi na ttaano‡
n'omukazi sekeri kkumi.
8 Omuntu eyakola obweyamo bw'anaabanga omwavu ennyo atasobola kuleeta miwendo egyo gye wamusalira, anaayanjulwanga eri kabona; kale kabona anaamusaliranga omuwendo ogumugyamu ng'ageraageranya obusobozi bw'oyo eyeeyama nga bwe bunaabanga.

### *Obweyamo Obukwata ku Bisolo*

9 “Obweyamo bw'omuntu bwe bunaabeeranga obw'ekisolo ekikkirizibwa ng'ekiweebwayo eri Mukama Katonda, ekisolo ng'ekyo ekiweebwayo eri Mukama Katonda kinaabanga kitukuvu.
10 Tasaaniranga kukikyusaamu oba kukiwaanyisaamu ekibi mu kirungi wadde ekirungi mu kibi; bw'anaabanga awaanyisizza ekisolo ekimu mu kirala, byombi kino na kiri ky'awanyisizzaamu binaafuukanga bitukuvu.
11 Ensolo omuntu gy'anaabanga yeeyamye bw'eneebanga etali nnongoofu§, etakkirizibwa ng'ekiweebwayo eri Mukama Katonda, ensolo eyo esaanira okuleetebwanga eri kabona,
12 ye alyokenga asalewo nga bw'eri, oba nnungi oba mbi. Omuwendo kabona gw'anaabaliriranga ku nsolo eyo, gwe gunaawebwangayo.
13 Nannyini nsolo bw'anaabanga ayagala okuginunulayo, anaasaniranga okugattako ekitundu ekimu ekyokutaano ku muwendo gwayo.

### *Obweyamo Obukwata ku Nnyumba ne ku Ttaka*

14 “Omusajja bw'anaawangayo ennyumba ye okubeera entukuvu eri Mukama Katonda kabona anaagirabiranga omuwendo ogugigyamu, oba nnungi oba mbi. Omuwendo ogwo kabona gw'anaasalanga gwe gunaakolanga.
15 Oyo anaawangayo ennyumba ye eri Mukama bw'anaabanga ayagala okuginunula, anaayongerangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwayo, olwo ng'ennyumba emuddira.
16 “Omusajja bw'anaawangayo ekitundu ky'ettaka lye, lye yasikira, eri Mukama Katonda, omuwendo oguligyamu gunaabalirirwanga nga gwesigamizibwa ku bungi bw'ensigo ezeetaagibwa okusiga ku ttaka eryo ne ziggweerako; ensigo za sayiri ezipimibwamu oma zinaabalirirwangamu sekeri* za ffeeza amakumi ataano.
17 Singa ennimiro ye, agiwaayo mu biseera by'Omwaka gwa Jjubiri, omuwendo ogubaliriddwa gunaasigalanga nga bwe guli.
18 Naye bw'anaawangayo ennimiro ye nga Jjubiri eweddeko, kabona anagibalirirangamu omuwendo ng'agwesigamya ku myaka eginaabanga gibulayo Omwaka gwa Jjubiri eddirira gulyoke gutandike, n'omuwendo ogwali gubaliriddwa gunaakendeezebwangako.
19 Era oyo anaabanga awaddeyo ennimiro ye bw'anaayagalanga okuginunula, kale anaagattangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwayo, olwo ennimiro n'emuddira.
20 Naye bw'anaabanga tayagala kununula nnimiro eyo, oba bw'anaabanga agiguzizza omuntu omulala, kale ng'olwo tekyanunulibwa n'akamu.

---

‡ **27:7** sekeri kkumi na ttaano ze gulaamu kikumi mu nsanvu § **27:11** etali nnongoofu ensolo nga eŋŋamira, embalaasi, oba endogoyi * **27:16** sekeri yenkanankana gulamu kkumi n'emu n'ekitundu

21 Naye mu Mwaka gwa Jjubiri ennimiro eyo bw'eneeteebwanga,
eneebanga ntukuvu, ng'ennimiro eyawongebwa ewa MUKAMA; eneebanga
ya kabona.
22 "Omusajja bw'anaawangayo eri MUKAMA Katonda ennimiro gye
yagula, etali ku ttaka lye ery'obwannannyini,
23 kabona anaabaliriranga omuwendo ogugigyamu okutuuka ku mwaka
gwa Jjubiri, omusajja anaasasulanga omuwendo ogwo ku lunaku olwo
ng'ekintu ekitukuvu eri MUKAMA Katonda.
24 Mu mwaka gwa Jjubiri, ennimiro eneddizibwanga oyo gwe yagigu-
lako, nga y'oyo eyali nannyini ttaka.
25 Buli muwendo ogubalirirwa guneesigamizibwanga ku sekeri
z'Awatukuvu, nga gera† amakumi abiri zivaamu sekeri emu.

### *Ebintu Ebiwonge*

26 "Tewabanga awaayo omwana gw'ensolo omubereberye eri MUKAMA,
kubanga abaana b'ensolo ababereberye bonna ba MUKAMA, oba nte oba
ndiga zonna za MUKAMA Katonda.
27 Bw'anaabanga awaddeyo emu ku nsolo ezitali nnongoofu, anag-
isasuliranga omuwendo gwayo ogwagibalirirwamu, ng'agattako ekitundu
kimu kyakutaano eky'omuwendo gwayo. Bw'ataaginunulengayo enee-
tundwanga omuwendo ogwagibalirirwamu.
28 "Naye omuntu yenna bw'anaamalanga okuwongera MUKAMA Katonda
ku bintu bye by'anaabanga nabyo, gamba oba muntu oba kisolo oba
ennimiro ye gye yasikira, tewaabengawo ku bintu ebyo bitundibwa oba
okununulibwa; buli kintu ekiwongere ddala mu ngeri eyo kinaabanga
kitukuvu nnyo eri MUKAMA Katonda.
29 Omuntu eyawongebwa nga wa kuttibwa, taanunulibwenga kinaa-
musaaniranga kuttibwa.

### *Okununula Ebitundu Eby'ekkumi*

30 "Buli kitundu eky'ekkumi ekiva mu nsi, gamba ku mmere ey'empeke
eva mu ttaka, oba ku bibala ebiva ku miti, kya MUKAMA Katonda, era
kitukuvu eri MUKAMA Katonda.
31 Omuntu anaayagalanga okununula ku bitundu bye eby'ekkumi,
anaagatangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwakyo.
32 Ebitundu eby'ekkumi byonna ebyamagana g'ente n'eby'ebisibo
by'endiga, kwe kugamba nti buli nsolo omusumba gy'anaabalanga nga
ya kkumi, eneebanga ntukuvu eri MUKAMA Katonda.
33 Tasaaniranga kulondamu nnungi ng'alekawo embi, oba okuwaanyisa.
Bw'anaawaanyisanga ng'olwo ensolo zombi, eri n'eno ewanyisizibbwa
zinaafuukanga ntukuvu teziinunulibwenga."
34 Ago ge mateeka MUKAMA Katonda ge yawa Musa ku lusozi Sinaayi
agategeeze abaana ba Isirayiri.

† **27:25** gera yenkanankana gulaamu lukaaga

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Okubala

*Okubala Abantu*

1 Awo MUKAMA Katonda n'ayogera ne Musa mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, mu Ddungu lya Sinaayi ku lunaku
olw'olubereberye olw'omu mwezi ogwokubiri ogw'omwaka ogwokubiri
kasookedde abaana ba Isirayiri bava mu nsi y'e Misiri*. N'amugamba nti:
2 "Bala ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ng'obategeka mu bika
byabwe, ne mu mpya zaabwe, ng'owandiika erinnya lya buli musajja
kinnoomu ku lukalala.
3 Ggwe ne Alooni mujja kutegeka abasajja bonna ab'omu Isirayiri
abawezezza emyaka amakumi abiri egy'obukulu n'okusingawo, abatuuse
okuyingira mu magye, mubabalire mu bibinja byabwe.
4 Munaayambibwako omusajja omu omu okuva mu buli kika, nga ye
mukulu w'oluggya lwa bajjajjaabe.

5 "Gano ge mannya g'abasajja abajja okubayambako:

"Aliva mu kika kya Lewubeeni ye Erizuuli mutabani wa Sedewuli;
6 mu kya Simyoni ye Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi;
7 mu kya Yuda ye Nakusoni mutabani wa Amminadaabu;
8 mu kya Isakaali ye Nesaneri mutabani wa Zuwaali;
9 mu kya Zebbulooni ye Eriyaabu mutabani wa Keroni.
10 Okuva mu baana ba Yusufu:
mu kya Efulayimu ye Erisaama mutabani wa Ammikudi;
mu kya Manase ye Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli.
11 Aliva mu kika kya Benyamini ye Abidaani mutabani wa Gidyoni;
12 mu kya Ddaani ye Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi;
13 mu kya Aseri ye Pagiyeeri mutabani wa Okulaani;
14 mu kya Gaadi ye Eriyasaafu mutabani wa Deweri;
15 mu kya Nafutaali ye Akira mutabani wa Enani."

16 Abo be basajja abaalondebwa okuva mu kibiina, nga be bakulembeze
ab'ebika bya bajjajjaabwe. Abo nga be bakulu b'ebika bya Isirayiri.

*Ebika n'obunene bwabyo*

17 Awo Musa ne Alooni ne batwala abasajja abo abaatuddwa amannya
gaabwe,
18 ne bakuŋŋaanya ekibiina ky'abantu bonna ku lunaku
olw'olubereberye olw'omu mwezi ogwokubiri. Awo abantu bonna
ne beewandiisa mu bujjajja bwabwe ne mu bika byabwe awamu ne
mu mpya zaabwe. Abasajja abo abaali bawezezza emyaka amakumi
abiri egy'obukulu n'okusingawo, amannya gaabwe ne gawandiikibwa
kinnoomu ku lukalala,

* **1:1** Kino kyabaawo oluvannyuma lw'omwezi gumu nga Abayisirayiri batuuse mu ddungu lya Sinaayi (Kuv 9:1), ate nga wayiseewo omwezi gumu bukya Eweema ya MUKAMA ezimbibwa (Kuv 40:17), ate n'oluvannyuma lw'ennaku kkumi na ttaano nga kyebajje bakwate Embaga ey'Okuyitako mu Sinaayi

19 nga MUKAMA bwe yalagira Musa. Bw'atyo Musa n'ababalira mu Ddungu lya Sinaayi:

20 Ab'omu bazzukulu ba Lewubeeni, mutabani wa Isirayiri omubereberye:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
21 Abaabalibwa okuva mu kika kya Lewubeeni baali emitwalo ena mu kakaaga mu bitaano (46,500).

22 Ab'omu bazzukulu ba Simyoni:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
23 Abaabalibwa okuva mu kika kya Simyoni baali emitwalo etaano mu kenda mu ebikumi bisatu (59,300).

24 Ab'omu bazzukulu ba Gaadi:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe, n'eby'empya zaabwe bwe byali.
25 Abaabalibwa okuva mu kika kya Gaadi baali emitwalo ena mu enkumi ttaano mu lukaaga mu amakumi ataano (45,650).

26 Ab'omu bazzukulu ba Yuda:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
27 Abaabalibwa okuva mu kika kya Yuda baali emitwalo musanvu mu enkumi nnya mu lukaaga (74,600).

28 Ab'omu bazzukulu ba Isakaali:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe, kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
29 Abaabalibwa okuva mu kika kya Isakaali baali emitwalo etaano mu enkumi nnya mu ebikumi bina (54,400).

30 Ab'omu bazzukulu ba Zebbulooni:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
31 Abaabalibwa okuva mu kika kya Zebbulooni baali emitwalo etaano mu kasanvu mu ebikumi bina (57,400).

32 Okuva mu batabani ba Yusufu:

Ab'omu bazzukulu ba Efulayimu
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
33 Abaabalibwa okuva mu kika kya Efulayimu baali emitwalo ena mu
ebikumi bitaano (40,500).
34 Ab'omu bazzukulu ba Manase:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
35 Abaabalibwa okuva mu kika kya Manase baali emitwalo esatu mu
enkumi bbiri mu ebikumi bibiri (32,200).

36 Ab'omu bazzukulu ba Benyamini:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
37 Abaabalibwa okuva mu kika kya Benyamini baali emitwalo esatu
mu enkumi ttaano mu ebikumi bina (35,400).

38 Ab'omu bazzukulu ba Ddaani:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
39 Abaabalibwa okuva mu kika kya Ddaani baali emitwalo mukaaga
mu enkumi bbiri mu lusanvu (62,700).

40 Ab'omu bazzukulu ba Aseri:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
41 Abaabalibwa okuva mu kika kya Aseri baali emitwalo ena mu
lukumi mu ebikumi bitaano (41,500).

42 Ab'omu bazzukulu ba Nafutaali:
Abasajja bonna ab'emyaka egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye, baawandiikibwa amannya gaabwe kinnoomu, ng'ebiwandiiko by'ebika byabwe n'eby'empya zaabwe bwe byali.
43 Abaabalibwa okuva mu kika kya Nafutaali baali emitwalo etaano
mu enkumi ssatu mu ebikumi bina (53,400).

44 Abo be basajja Musa ne Alooni be baabala, nga bayambibwako
abakulembeze ab'omu Isirayiri ekkumi n'ababiri, nga buli omu akiikiridde ekika kye.
45 Abasajja bonna abaana ba Isirayiri abaali bawezezza emyaka
egy'obukulu amakumi abiri n'okusingawo, nga batuuse n'okuyingira mu magye ga Isirayiri bwe batyo ne babalirwa mu bika byabwe.

46 Obungi bwabwe bonna abaabalibwa okugatta awamu baali bawera
emitwalo nkaaga mu enkumi ssatu mu ebikumi bitaano mu amakumi
ataano (603,550).

### *Abaleevi bo Tebaabalibwa*

47 Abazzukulu ab'omu mpya ez'omu bika ebirala bwe baali babalibwa,
bo ab'omu kika kya Leevi tebaabalibwa.
48 Kubanga MUKAMA Katonda yali agambye Musa nti,
49 "Ab'omu kika kya Leevi tababalanga wadde okubagatta awamu
n'emiwendo gy'abaana ba Isirayiri abalala."
50 Era n'amugamba nti, "Naye Abaleevi obawanga omulimu
ogw'okulabirira Eweema ey'Endagaano n'ebintu byamu byonna awamu
ne byonna ebigigenderako. Banaasitulanga Eweema n'ebyamu byonna,
banaagirabiriranga era banaasiisiranga okugyetooloola.
51 Eweema bw'eneebanga etwalibwa mu kifo ekirala, Abaleevi
be banaagisimbulanga, era bwe kineetaagisanga okugissa mu kifo
awalala, Abaleevi be banaagisimbangawo. Omuntu omulala yenna
bw'anaagisembereranga anaafanga.
52 Abaana ba Isirayiri banaasiisiranga mu bibinja, nga buli musajja ali
mu lusiisira lwe n'ebendera ye ku bubwe.
53 Naye Abaleevi bo banaasimbanga eweema zaabwe okwebungul-
ula Eweema ey'Endagaano, abaana ba Isirayiri baleme kutuukibwako
busungu bwa MUKAMA. Abaleevi be banaabanga n'obuvunaanyizibwa
obw'okulabirira Eweema ey'Endagaano."
54 Abaana ba Isirayiri ne bakola ebyo byonna nga MUKAMA Katonda bwe
yalagira Musa.

## 2

### *Abakulembeze n'Ensiisira z'Ebika Byabwe*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Abaana ba Isirayiri banaasiisiranga okwebungulula Eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga bagyesuddeko akabanga naye nga bagy-
olekedde. Buli musajja anaawanikanga ebendera ye n'ebendera z'empya
za bajjajjaabwe."

3 Ebibinja by'olusiisira lwa Yuda binaasiisiranga ku ludda
olw'enjuba gy'eva ne basimba awo ebendera yaabwe.
Omukulembeze w'abantu ba Yuda ye Nakusoni mutabani
wa Amminadaabu.
4 Mu kibinja kye nga mulimu abaabalibwa emitwalo musanvu mu
enkumi nnya mu lukaaga (74,600).
5 Ab'ekika kya Isakaali be banaasiisiranga okuliraana Yuda. Omukulem-
beze w'abantu ba Isakaali ye Nesaneri mutabani wa Zuwaali.
6 Abaabalibwa mu kibinja kye baali emitwalo etaano mu enkumi nnya
mu ebikumi bina (54,400).
7 Ekika kya Zebbulooni kye kinaddangako. Omukulembeze w'abantu ba
Zebbulooni ye Eriyaabu mutabani wa Keroni.
8 Abaabalibwa mu kibinja kye baali emitwalo etaano mu kasanvu mu
ebikumi bina (57,400).
9 Abasajja bonna abaali mu lusiisira lwa Yuda abaabalibwa ng'ebibinja
by'amaggye gaabwe bwe byali baali emitwalo kkumi na munaana mu
kakaaga mu ebikumi bina (186,400). Be banaakulemberanga.

10 Ku ludda olw'obukiikaddyo ebibinja eby'amaggye g'omu kika kya Lewubeeni gye banaasiisiranga, nga basimbye eyo n'ebendera yaabwe. Omukulembeze w'abantu ba Lewubeeni ye Erizuuli mutabani wa Sedewuli.
11 Abaabalibwa mu kibinja kye baali emitwalo ena mu kakaaga mu ebikumi bitaano (46,500).
12 Ab'ekika kya Simyoni be banaabaddiriranga. Omukulembeze w'abantu ba Simyoni ye Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi.
13 Abaabalibwa mu kibinja kye baali emitwalo etaano mu kenda mu ebikumi bisatu (59,300).
14 Ab'ekika kya Gaadi be banaddangako. Omukulembeze w'abantu ba Gaadi ye Eriyasaafu mutabani wa Deweri.
15 Abaabalibwa mu kibinja kye baali emitwalo ena mu enkumi ttaano mu lukaaga mu amakumi ataano (45,650).
16 Abasajja bonna okugatta awamu abaali mu lusiisira lwa Lewubeeni abaabalibwa, ng'ebibinja by'amaggye gaabwe bwe byali, baali emitwalo kkumi n'ettaano mu lukumi mu ebikumi bina mu amakumi ataano (151,450). Be banaabanga abookubiri okusitula ng'olugendo lutuuse.

17 Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu eneesitulwanga ng'olugendo lutuuse nga yeebunguluddwa olusiisira lw'Abaleevi, ng'eri mu makkati g'ensiisira endala zonna. Banaasitulanga okutambula nga baddiriragana ng'enteekateeka y'ensiisira zaabwe bw'eri, buli musajja ng'agenda n'ebendera ye.

18 Ku ludda olw'ebugwanjuba y'eneebeeranga olusiisira lw'ebibinja bya Efulayimu nga bakutte n'ebendera zaabwe. Omukulembeze w'abantu ba Efulayimu ye Erisaama mutabani wa Ammikudi.
19 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo ena mu ebikumi bitaano (40,500).
20 Ekika kya Manase kye kinaddangako. Omukulembeze w'abantu ba Manase ye Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli.
21 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo esatu mu enkumi bbiri mu ebikumi bibiri (32,200).
22 Ekika kya Benyamini ne kiddako. Omukulembeze w'abantu ba Benyamini ye Abidaani mutabani wa Gidyoni.
23 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo esatu mu enkumi ttaano mu ebikumi bina (35,400).
24 Okugatta awamu abasajja bonna abaali mu lusiisira lwa Efulayimu abaabalibwa ng'ebibinja byabwe bwe byali baali emitwalo kkumi mu kanaana mu kikumi (108,100). Bano be banaabanga abookusatu okusitula ng'olugendo lutuuse.

25 Ku ludda olw'obukiikakkono y'eneebeeranga olusiisira lw'ebibinja bya Ddaani n'ebendera yaabwe. Omukulembeze w'abantu ba Ddaani ye Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi.
26 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo mukaaga mu enkumi bbiri mu lusanvu (62,700).
27 Ab'ekika kya Aseri be banaasiisiranga okubaddirira. Omukulembeze w'abantu ba Aseri ye Pagiyeeri mutabani wa Okulaani.

28 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo ena mu lukumi mu
ebikumi bitaano (41,500).
29 Ab'ekika kya Nafutaali be banaddangako. Omukulembeze w'abantu
ba Nafutaali ye Akira mutabani wa Enani.
30 Ab'omu kibinja kye abaabalibwa baali emitwalo etaano mu enkumi
ssatu mu ebikumi bina (53,400).
31 Okugatta awamu abasajja bonna abaali mu lusiisira lwa Ddaani
baali emitwalo kkumi n'ettaano mu kasanvu mu lukaaga
(157,600). Abo be banaasembangayo okusitula ng'olugendo
lutuuse, ng'ebendera zaabwe bwe ziri.

32 Abo be baana ba Isirayiri abaabalibwa ng'empya zaabwe bwe
zaali. Okugatta abaali mu nsiisira bonna ng'ebibinja byabwe
bwe byali, baawera emitwalo nkaaga mu enkumi ssatu mu
ebikumi bitaano mu amakumi ataano (603,550).
33 Naye abaana ba Isirayiri bwe baali babalibwa, Abaleevi bo
tebaabalibwa, kubanga bw'atyo MUKAMA bwe yalagira Musa.

34 Abaana ba Isirayiri bwe batyo ne bakola ebyo byonna MUKAMA
Katonda bye yalagira Musa. Bwe batyo bwe baasiisiranga ensiisira
zaabwe ng'ebendera zaabwe bwe zaali, era bwe batyo bwe baasitulanga
okutambula buli bantu mu bika byabwe ne mu mpya za bajjajjaabwe.

# 3

*Batabani ba Alooni*

1 Luno lwe lulyo lwa Alooni n'olwa Musa mu biseera MUKAMA mwe
yayogerera ne Musa ku Lusozi Sinaayi.

2 Gano ge mannya ga batabani ba Alooni: Nadabu, omubereberye, ne
Abiku, ne Eriyazaali, ne Isamaali.
3 Ago ge mannya ga batabani ba Alooni, abaafukibwako amafuta
ag'omuzeeyituuni okuba bakabona, era abaayawulibwa okuweereza mu
mulimu gw'obwakabona.
4 Naye nno Nadabu ne Abiku baatondokera mu maaso ga MUKAMA ne
bafa, kubanga baayokya ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda n'omuliro
ogutakkirizibwa nga bali mu ddungu ly'e Sinaayi. Tebaalina baana; bwe
batyo, Eriyazaali ne Isamaali ne basigala nga be bokka abaaweerezanga
nga bakabona ebbanga lyonna kitaabwe Alooni lye yamala nga mulamu.

*Omuwendo gw'Abaleevi n'Emirimu gyabwe*

5 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
6 "Leeta ab'omu kika kya Leevi* obakwase Alooni kabona ba-
muweerezenga.
7 Banaamukoleranga emirimu era ne baweereza n'ekibiina kyonna
awali Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga bakola emirimu awali
Eweema ya MUKAMA.
8 Banaalabiriranga ebintu byonna eby'omu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne bakola emirimu gy'omu Weema ya MUKAMA
nga batuukiriza ebyo byonna ebivunaanyizibwa abaana ba Isirayiri.

* **3:6** Kika kya Leevi baawukanira ddala ku bakabona, abaali bazzukulu ba Alooni. Abaleevi baayambanga bakabona.

9 Abaleevi onoobawanga eri Alooni ne batabani be; baweereddwa ddala
Alooni nga baggyibwa mu baana ba Isirayiri.

10 Onoolonda Alooni ne batabani be okubeera bakabona; naye
bwe wanaabangawo omuntu omulala yenna n'asembera awatukuvu,
anaafanga."

11 MUKAMA Katonda n'ayongera okugamba Musa nti,

12 "Laba, neetwalidde Abaleevi nga mbaggya mu baana ba Isirayiri mu
kifo ky'abaana ababereberye abazaalibwa abakazi mu baana ba Isirayiri.
Abaleevi banaabanga bange,

13 kubanga byonna ebizaalibwa ebibereberye byange. Bwe natta
ebibereberye byonna mu nsi y'e Misiri neeyawulira ebibereberye byonna
mu Isirayiri okubeeranga ebyange, abantu n'ebisolo. Nze MUKAMA
Katonda."

14 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa mu ddungu ly'e Sinaayi nti,

15 "Bala Abaleevi bonna mu mpya zaabwe ne mu bika byabwe†. Bala
buli mwana mulenzi ow'omwezi ogumu n'okusingawo."

16 Bw'atyo Musa n'ababala nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira,
ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali.

17 Gano ge mannya ga batabani ba Leevi:
Gerusoni, ne Kokasi, ne Merali.

18 Gano ge mannya g'abatabani ba Gerusoni ng'empya zaabwe bwe
zaali:
Libuni ne Simeeyi.

19 Bano be batabani ba Kokasi ng'empya zaabwe bwe zaali:
Amulaamu, ne Izukali ne Kebbulooni, ne Wuziyeeri.

20 Bano be batabani ba Merali ng'empya zaabwe bwe zaali:
Makuli ne Musi.

Ebyo bye bika by'Abaleevi ng'empya za bakitaabwe bwe zaali.

21 Mu Gerusoni mwe mwava oluggya lwa Abalibuni n'oluggya lwa
Abasimeeyi; ezo nga z'empya za Abagerusoni.

22 Abaana aboobulenzi okuva ku w'omwezi ogumu ogw'obukulu
n'okusingawo abaabalibwa baali kasanvu mu ebikumi bitaano (7,500).

23 Ab'omu Gerusoni nga baakusiisiranga ku ludda olw'ebugwanjuba
emmanju wa Weema ya MUKAMA.

24 Omukulembeze w'empya za Abagerusoni yali Eriyasaafu mutabani
wa Laeri.

25 Abagerusoni be banaabanga n'obuvunaanyizibwa obw'okulabirira
Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga balabirira ebigibikkako
n'eggigi ery'omu mulyango oguyingira mu Weema,

26 n'entimbe ez'omu luggya, n'entimbe ez'omu mizigo egiggulira ku
luggya okwebungulula Weema n'ekyoto. Era banaalabiriranga n'emiguwa
awamu n'ebintu byonna ebinaakozesebwanga ku mirimu egyo.

27 Mu Kokasi mwe mwava oluggya lwa Abamulaamu, n'oluggya
lwa Abayizukaali, n'oluggya lwa Abakebbulooni, n'oluggya lwa
Abawuziyeeri; ezo z'empya za Abakokasi.

† **3:15** Abaleevi tebaawandikibwanga kulwana mu magye, era kyebaava batabalibwa oluvannyuma lw'emyaka amakumi abiri egy'obukulu. Ekya babazanga, kwe kumanya abaana baabwe ababereberye (3:40-43).

28 Abaana aboobulenzi okuva ku w'omwezi ogumu ogw'obukulu n'okusingawo abaabalibwa baali kanaana mu lukaaga‡ (8,600).
Abakokasi be baweebwa obuvunaanyizibwa okulabiriranga awatukuvu.
29 Ab'omu Kokasi nga baakusiisiranga ku ludda olw'obukiikaddyo obwa Weema ya MUKAMA.
30 Omukulembeze w'empya za Abakokasi yali Erizafani mutabani wa Wuziyeeri.
31 Abakokasi be baabanga n'obuvunaanyizibwa okulabirira Essanduuko ey'Endagaano, n'emmeeza, n'ekikondo ky'ettaala, n'ebyoto, n'ebintu eby'omu watukuvu ebikozesebwa mu kuweereza, n'eggigi; n'emirimu gyonna egyekuusa ku buweereza obwo.
32 Eriyazaali mutabani wa Alooni kabona ye yalondebwa okuba omukulu w'abakulembeze ba Abaleevi, era n'okulabirira abo abaaweerezanga mu watukuvu.

33 Mu Merali mwe mwava oluggya lwa Abamakuli n'oluggya lwa Abamusi; ezo nga ze mpya za Abamerali.
34 Abaana aboobulenzi okuva ku w'omwezi ogumu n'okusingawo abaabalibwa baali kakaaga mu ebikumi bibiri (6,200).
35 Omukulembeze w'empya za Abamerali yali Zuliyeeri mutabani wa Abikayiri;
Abamerali nga baakusiisiranga ku bukiikaddyo obwa Weema ya MUKAMA.
36 Be baavunaanyizibwanga emikiikiro, n'empagi, n'ebikondo, n'ebikwata ku Weema ya MUKAMA byonna n'ebyekuusa ku mirimu gyayo.
37 Okwo baagattangako empagi zonna ezeebunguludde oluggya n'entobo zaazo, n'enkondo za Weema n'emiguwa.

38 Musa ne Alooni ne batabani baabwe baasiisiranga ku ludda olw'ebuvanjuba olwa Weema ya MUKAMA, okwolekera enjuba gy'eva mu maaso ga Weema ya MUKAMA ey'Okukuŋŋaanirangamu.
Baavunaanyizibwanga okulabirira awatukuvu ku lw'abaana ba Isirayiri.
Omuntu omulala yenna eyasembereranga awatukuvu, ng'ateekwa kufa.

39 Omuwendo gwonna ogw'Abaleevi abaabalibwa ng'empya zaabwe bwe zaali, nga mwe muli abaana aboobulenzi okuva ku w'omwezi ogumu n'okusingawo, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa ne Alooni, baali emitwalo ebiri mu enkumi bbiri (22,000).

### *Okubala Abasajja Ababereberye*

40 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Bala abaana ba Isirayiri bonna aboobulenzi ababereberye okuva ku mwana ow'omwezi ogumu n'okusingawo okole olukalala lw'amannya gaabwe gonna.
41 Era ojja kunfunira Abaleevi mu kifo ky'ababereberye ab'abaana ba Isirayiri, era onfunire n'ente ez'Abaleevi mu kifo ky'ente ez'abaana ba Isirayiri embereberye. Nze MUKAMA Katonda."
42 Awo Musa n'abala abaana ba Isirayiri ababereberye nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira.

‡ **3:28** ebiwandiiko ebirala bigamba kanaana mu bisatu

43 Okugatta awamu abaana aboobulenzi ababereberye bonna okuva ku
w'omwezi ogumu n'okusingawo abaabalibwa, nga n'amannya gaabwe
gawandiikiddwa ku lukalala, baali emitwalo ebiri mu enkumi bbiri mu
ebikumi bibiri mu nsanvu mu basatu.
44 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
45 "Nfunira Abaleevi badde mu kifo ky'abaana ba Isirayiri ababereberye,
n'ente z'Abaleevi zidde mu kifo ky'ente z'abaana ba Isirayiri, era Abaleevi
banaabanga bange. Nze MUKAMA Katonda.
46 Okununula ababereberye ab'abaana ba Isirayiri ebikumi ebibiri mu
ensanvu mu abasatu abasukkirira ku muwendo gw'Abaleevi abasajja,
47 onoddiranga gulaamu amakumi ataano mu ttaano ku buli omu,
ng'ogeraageranyiza ku gulaamu kkumi n'emu ey'awatukuvu nga bw'eri,
ye sekeri§ ey'obuzito ze gulaamu kkumi n'emu n'ekitundu.
48 Ensimbi ez'okununula abaana ba Isirayiri abasukkiriramu oziwanga
Alooni ne batabani be."
49 Bw'atyo Musa n'asolooza ensimbi ez'okwenunula ku abo abaa-
sukkirira ku muwendo gw'abo abaanunulibwa Abaleevi.
50 Yasolooza ku babereberye ab'abaana ba Isirayiri effeeza ey'obuzito
obwa kilo kkumi na ttaano n'ekitundu, ng'engeraageranya ya sekeri
y'awatukuvu bw'eri.
51 Musa n'addira ensimbi ez'okwenunula n'aziwa Alooni ne batabani be,
ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira
Musa.

# 4

*Batabani ba Kokasi*
1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Mubale batabani ba Kokasi abava mu kika ky'Abaleevi, ng'empya
zaabwe n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe ziri.
3 Mubabale nga muva ku basajja ab'emyaka amakumi asatu egy'obukulu
okutuuka ku b'emyaka amakumi ataano, abayinza okuyingira mu
buweereza obw'okukola emirimu mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
4 "Gino gye mirimu eginaakolwanga batabani ba Kokasi mu Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu: nga gya kulabirira ebintu ebitukuvu ennyo.
5 Olusiisira bwe lunaabanga lusitula, Alooni ne batabani be banaayingi-
rangamu, ne batimbulula eggigi ery'olutimbe ne balibikka ku Ssanduuko
ey'Endagaano.
6 Okwo banaabikkangako amaliba ga lukwata, kuno ne babikkako
olugoye olwa bbululu omuka, ne balyoka basonsekamu emisituliro gyayo.
7 "Ku mmeeza ey'Emigaati egy'Okulaga banaayaliirangako ekitam-
bala ekya bbululu, ne bassaako amasowaane, n'ebijiiko ebinene,
n'amabakuli, n'ejaagi omunaabeeranga ebiweebwayo ebyokunywa;
n'emigaati egy'okulaga nagyo ginaabeeranga okwo.
8 Banaayaliirangako ekitambaala ekimyufu ennyo, ne bakibikkako
amaliba ga lukwata; ne basonsekamu emisituliro gyayo.
9 "Banaddiranga ekitambaala ekya bbululu ne bakibikka ku kikondo
ky'ettaala kwe zinaayakiranga, n'ettabaaza zaako, n'ebikomola en-
tambi n'ensuniya ez'ebisirinza, n'ejaagi ez'amafuta ag'omuzeeyituuni
aganaakozesebwanga mu ttaala ezo.

§ **3:47** sekeri sekeri emu ze gulaamu kkumi n'emu n'ekitundu

10 Ekikondo n’ebigenderako byonna binaasibibwanga mu maliba ga
lukwata ne biteekebwa ku musituliro.
11 “Banaayaliiranga olugoye olwa bbululu ku kyoto ekya zaabu, okwo
ne babikkako amaliba ga lukwata, ne basonsekamu emisituliro gyakyo.
12 “Banaddiranga ebintu byonna ebinaakozesebwanga ku mirimu
gy’obuweereza mu watukuvu ne babiteeka mu lugoye olwa bbululu ne
babibikkako amaliba ga lukwata, ne babiteeka ku misituliro gyabyo.
13 Ekyoto banaakiggyangamu evvu ne bakibikkako olugoye olwa ffu-
lungu;
14 ne balyoka bakissaako ebintu byonna ebikozesebwa mu mirimu
gy’oku kyoto, nga mwe muli ensiniya ez’omuliro, n’ewuuma, n’ebijiiko
n’ebibya. Okwo banaabikkangako amaliba ga lukwata, ne balyoka
basonsekamu emisituliro gyakyo.
15 “Alooni ne batabani be bwe banaamalanga okusibako awatukuvu ne
byonna ebibeeramu, nga n’ekiseera ky’olusiisira okusitula mu lugendo
kituuse; awo batabani ba Kokasi banajjanga ne babisitula, naye ekintu
kyonna ekitukuvu tebakikwatangako, baleme okufa. Ebyo bye bintu
eby’omu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu batabani ba Kokasi bye ba-
neetikkanga.
16 “Eriyazaali, mutabani wa Alooni kabona, y’anaabeeranga
n’obuvunaanyizibwa obw’amafuta g’ettaala ag’omuzeeyituuni,
n’obubaane obwakaloosa, n’ekiweebwayo eky’okulaga eky’emmere
ey’empeke, n’amafuta ag’omuzeeyituuni ag’okwawula. Era
y’anaalabiriranga Eweema ya Mukama ne byonna ebigirimu,
n’awatukuvu ne byonna ebikozesezebwamu.”
17 Mukama Katonda n’agamba Musa ne Alooni nti,
18 “Mwegendereze ab’omu mpya z’ennyumba z’Abakokasi baleme
okukutulwa ku kika ky’Abaleevi.
19 Ekyo munaakibakoleranga, bwe batyo bwe banaasembereranga
ebintu ebitukuvu ennyo balemenga okufa, naye basigalenga nga balamu.
Alooni ne batabani be banaayingiranga mu watukuvu ne bagabira buli
Mukokasi omulimu gwe n’ebyo by’aneetikkanga.
20 Naye Abakokasi tebaayingirenga munda kutunula ku bintu ebitukuvu,
wadde n’eddakiika emu, balemenga okufa.”

*Batabani ba Gerusoni*

21 Mukama Katonda n’agamba Musa nti,
22 “Bala ne batabani ba Gerusoni ng’empya zaabwe n’ennyumba
z’abakadde baabwe bwe ziri.
23 Babale ng’otandikira ku basajja ab’emyaka amakumi asatu
egy’obukulu okutuuka ku b’emyaka amakumi ataano, abayinza
okuyingira mu buweereza obw’okukola emirimu egya Weema
ey’Okukuŋŋaanirangamu.
24 “Gino gye mirimu eginaakolebwanga ab’omu mpya z’Abagerusoni mu
kuweereza era ne mu kwetikka emigugu:
25 Baneetikkanga entimbe ez’omu Weema ya Mukama, y’Eweema
ey’Okukuŋŋaanirangamu n’ebigibikkako, n’amaliba aga lukwata
agabikkibwa kungulu kwayo, n’entimbe ez’omu mulyango gwa Weema
ey’Okukuŋŋaanirangamu,
26 n’entimbe ez’omu luggya olwebungulula Weema ya Mukama
n’ekyoto, n’olutimbe lw’omulyango gw’oluggya, n’emiguwa, ne byonna
ebinaakozesebwanga mu kuweereza okwo. Abagerusoni banaakolanga
byonna ebineetaagibwanga okukola ku bintu ebyo.

27 Mu kuweereza kwonna okw'Abagerusoni, oba mu kwetikka oba mu kukola emirimu egy'engeri endala, Alooni ne batabani be, be banaabalagiranga. Abagerusoni ojjanga kubakwasa obuvunaanyizibwa bwonna ku ebyo bye baneetikkanga.

28 Obwo bwe buweereza bwa batabani ba Gerusoni nga bukwata ku Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Bye banaakolanga binaalabirirwanga Isamaali mutabani wa Alooni kabona.

### *Batabani ba Merali*

29 "Batabani ba Merali nabo babale ng'empya zaabwe n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe ziri.

30 Babale ng'otandikira ku basajja ab'emyaka amakumi asatu egy'obukulu okutuuka ku b'emyaka amakumi ataano, abayinza okuyingira mu buweereza obw'okukola emirimu egya Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.

31 Gino gye ginaabanga emirimu gyabwe egikwata ku Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu: okusitula omudaala gwa Weema ya Mukama, n'embaawo zaayo, n'empagi n'ebibya mwe zituula,

32 awamu n'empagi ezeebungulula oluggya n'ebibya byazo mwe zituula, n'enkondo z'eweema, n'emiguwa, ne byonna ebyetaagibwa okukozesebwa ku mirimu egyo. Buli musajja onoomutegeezanga amannya g'ebintu byennyini by'ajjanga okwetikka.

33 Egyo gye ginaabanga emirimu gy'omu mpya z'abaana ba Merali nga bali mu buweereza bwabwe obwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga bakulemberwa Isamaali mutabani wa Alooni kabona."

### *Ebyava mu Kubala Abantu*

34 Awo Musa ne Alooni n'abakulembeze b'abantu ne babala batabani b'Abakokasi ng'empya zaabwe n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe zaali.

35 Ne bababala nga batandikira ku basajja ab'emyaka amakumi asatu egy'obukulu okutuuka ku myaka amakumi ataano, abajja okuweereza mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,

36 nga bababala ng'empya zaabwe bwe zaali; baawera enkumi bbiri mu lusanvu mu amakumi ataano (2,750).

37 Ogwo gwe gwali omuwendo gwonna ogw'abo abaali mu mpya z'Abakokasi abaaweerezanga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Musa ne Alooni baababala nga Mukama bwe yalagira Musa.

38 Batabani ba Gerusoni nabo baabalibwa ng'empya zaabwe bwe zaali n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe zaali.

39 Abasajja bonna okuva ku b'emyaka amakumi asatu egy'obukulu okutuuka ku b'emyaka amakumi ataano abaaweerezanga mu mirimu egy'omu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,

40 baabalibwa ng'empya zaabwe n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe zaali, ne bawera enkumi bbiri mu lukaaga mu amakumi asatu (2,630).

41 Ogwo gwe gwali omuwendo gwonna ogwa batabani ba Gerusoni abaali mu mpya za Abagerusoni abaaweerezanga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Musa ne Alooni baababala nga Mukama Katonda bwe yalagira Musa.

42 Batabani ba Merali baabalibwa ng'empya zaabwe n'ennyumba z'abakadde baabwe bwe zaali.

43 Abasajja bonna okuva ku b'emyaka amakumi asatu egy'obukulu
okutuuka ku b'emyaka amakumi ataano abajja okuweereza mu mirimu
gy'omu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
44 abaabalibwa ng'empya zaabwe bwe zaali baali bawera enkumi ssatu
mu ebikumi bibiri (3,200).
45 Ogwo gwe gwali omuwendo gwonna ogwabalibwa ogw'omu mpya za
batabani ba Merali. Musa ne Alooni baababala nga MUKAMA Katonda bwe
yalagira Musa.

46 Bwe batyo Musa ne Alooni n'abakulembeze ba Isirayiri ne
babala Abaleevi bonna mu mpya zaabwe ne mu nnyumba
z'abakadde baabwe.
47 Abasajja bonna okuva ku b'emyaka amakumi asatu
egy'obukulu okutuuka ku b'emyaka amakumi ataano abajja okuweereza
mu mirimu egy'omu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu,
48 abaabalibwa baawera kanaana mu ebikumi bitaano mu ki-
naana (8,580).
49 Buli musajja yaweebwa omulimu ogw'okukola n'ategeezebwa
ky'aneetikka, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

Bwe batyo bonna ne babalibwa nga MUKAMA Katonda bwe yalagira
Musa.

# 5

*Ekiragiro ku Bulongoofu bw'Olusiisira*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Lagira abaana ba Isirayiri buli mugenge bamufulumye ebweru
w'olusiisira, na buli alina ekikulukuto ky'omusaayi, n'oyo anaabanga
akutte ku mufu.
3 Abasajja n'abakazi bonna babafulumyenga ebweru w'olusiisira
baleme okulufuula olutali lulongoofu, kubanga omwo mwe mbeera."
4 Awo abaana ba Isirayiri ne bakolanga bwe batyo ne babafulumyanga
ebweru w'olusiisira. Ne bakola nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

*Etteeka ly'Okuliwa*

5 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
6 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, 'Omuntu yenna omusajja oba omukazi
bw'anaasobyanga eri munne mu ngeri yonna, bw'atyo anaabanga
asobezza eri MUKAMA Katonda, omuntu oyo anaabangako omusango,
7 era asaana ayatule ekibi ekyo ky'anaabanga akoze. Anaaliwanga
mu bujjuvu olw'ekibi ekyo ky'anaabanga akoze, n'agattako n'ekitundu
ekimu ekyokutaano eky'ebyo by'anaabanga aliye, byonna anaabiwanga
oyo gw'anaabanga azizzaako omusango.
8 Naye singa omuntu oyo azzibbwako omusango taabengawo na
waaluganda lwa kumpi, eby'okuliwa ebyo binaabanga bya MUKAMA
Katonda era n'endiga ennume ey'okutangiririra oyo eyazza omusango,
binaaweebwanga kabona.
9 Era ebirabo byonna ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaaleetanga
eri kabona binaabanga bya kabona oyo.
10 Ekirabo kya buli muntu ekitukuvu kinaabanga kikye, naye ekyo
ky'anaaleeteranga kabona kinaabanga kya kabona.' "

*Etteeka ku Bbuba*

11 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
12 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Muka omusajja yenna
bw'anaakyamanga n'akola ebitali bya bwesigwa eri bba
13 ne yeebaka n'omusajja omulala nga bba tategedde, omusajja oyo
n'amusobyako, ekikolwa ekyo ne kitamanyibwa, kubanga tewali mujulizi
akirabye era nga tebabakutte nga bakikola;
14 singa omusajja akwatibwa ebbuba n'ateebereza nti osanga mukazi we
baamusobezzaako, oba ebbuba ne limukwata newaakubadde nga mukazi
we tebaamusobezzaako,
15 kale anaaleetanga mukazi we eri kabona. Anaaleetanga
n'ekyokuwaayo ku lwa mukazi we ekitundu kimu eky'ekkumi ekya
efa* eky'obuwunga bw'emmere eyitibwa sayiri. Obuwunga obwo
taabufukengako mafuta ag'omuzeeyituuni wadde okubussaamu
ebyakawoowo, kubanga bwe buwunga obuweereddwayo ku nsonga
y'ebbuba, nga kye kiweebwayo eky'okujjukiza nti waliwo omusango
ogwazzibwa.
16 "Kabona anaasembezanga omukazi oyo n'amuleeta n'amuyimiriza
mu maaso ga MUKAMA Katonda.
17 Anaddiranga amazzi amatukuvu† nga gali mu kijaagi eky'ebbumba
n'ateeka mu mazzi ago enfuufu gy'anaggyanga wansi mu Weema.
18 Kabona bw'anaamalanga okuyimiriza omukazi oyo mu maaso ga
MUKAMA Katonda, anaamusumululanga enviiri ze n'azita ne zikka,
n'amukwasa ekiweebwayo eky'okujjukiza eky'emmere y'empeke eki-
weereddwayo olw'obuggya, ye kabona ng'akutte amazzi agakaawa
agaleeta ekikolimo.
19 Kabona anaalayizanga omukazi oyo n'amugamba bw'ati nti, 'Obanga
tewali musajja yenna eyeebase naawe mu kyama n'ofuuka atali mulon-
goofu songa oli mu bufumbo ewa balo, amazzi agakaawa gano agaleeta
ekikolimo tegaakukole kabi.'
20 Naye bw'onoowabanga ne weebaka n'omusajja atali balo, bw'otyo ne
weeyonoonyesa,
21 wano kabona anaalayizanga omukazi ekirayiro eky'ekikolimo
n'amugamba nti, 'MUKAMA Katonda aleetere abantu bo okukukolimira
n'okukuboola bw'anaakoozimbyanga ekisambi kyo n'olubuto lwo
n'aluleetera entumbi ne luzimba.
22 Amazzi gano agaleeta ekikolimo gayingirenga mu mubiri gwo gazim-
bye olubuto lwo era n'ekisambi kyo kikoozimbe.'
"Omukazi anaddangamu nti, 'Amiina, Amiina.'
23 " 'Kabona anaawandiikanga ebikolimo ebyo ku muzingo n'abyozaako
mu mazzi agakaawa.
24 Anaanywesanga omukazi amazzi agakaawa agaleeta ekikolimo, era
amazzi ago ganaayingiranga mu mukazi oyo ne gamuleetera obulumi
n'okubonaabona mu mubiri.
25 Awo kabona anaggyangako omukazi oyo ekiweebwayo eky'empeke
olw'obuggya, anaawuubanga ekiweebwayo ekyo eky'empeke mu maaso
ga MUKAMA Katonda, n'akireeta ku kyoto.
26 Kabona anaddiranga olubatu lw'obuwunga obw'ekiweebwayo
ng'ekiweebwayo olw'okujjukira n'akyokya ku kyoto; ebyo nga biwedde
anaanywesanga omukazi amazzi gali.

---

* **5:15** ze liita nga bbiri † **5:17** Amazzi amatukuvu Nga galimu enfuufu ge gaakozesebwanga mu ngeri ey'obwakatonda mu kusalira omuntu omusango.

27 Bw'anaamalanga okumunywesa amazzi ago, kale bw'anaabanga yeeyonoonyesezza nga tabadde mwesigwa eri bba, amazzi ago agaleeta ekikolimo ganaayingiranga mu mubiri gw'omukazi oyo ne gamuleetera obulumi obubalagala; olubuto lwe lunaazimbulukukanga n'ekisambi kye ne kikoozimba, era anaafuukanga omukolimire mu bantu b'ewaabwe.
28 Naye omukazi oyo bw'anaabanga teyeeyonoonyesa nga mulongoofu, kale taabeerengako musango, era anaabanga wa ddembe okuzaala abaana.'
29 " 'Eryo lye tteeka ery'obuggya, omukazi bw'anaakyamanga ne yeey-onoona songa mufumbo aliko bba,
30 oba omusajja bw'anaayingirangamu omwoyo ogw'ebbuba, n'akwatirwa mukazi we obuggya; kale anaaleetanga mukazi we oyo eri MUKAMA Katonda, kabona n'alyoka assa etteeka eryo mu nkola ku mukazi oyo.
31 Balo taabengako kyonoono ku nsonga ezo wabula mukazi we y'anaabangako omusango olw'okwonoona kwe.' "

# 6

*Etteeka ery'Obweyamo obw'Omunnazaalayiti*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Omusajja oba omukazi bw'anaabanga
ayagala okukola obweyamo obw'enjawulo obutali bwa bulijjo ne yee-
tukuza ne yeeyawula eri MUKAMA ng'Omunazaalayiti*,
3 anaateekwanga obutanywa nvinnyo n'ekyokunywa ekirala kyonna ekitamiiza, era taanywenga nvinnyo wadde ekitamiiza ekirala kyonna ekikaatuuse. Era taalyenga ku bibala bya mizabbibu wadde ensigo zaabyo.
4 Ebbanga lyonna ly'anaamalanga nga Munnazaalayiti taalyenga ku kintu kyonna ekiva mu mizabbibu newaakubadde ensigo wadde ebikuta.
5 "Ebbanga lyonna ly'anaamalanga ng'ali mu bweyamo bwe obwo, kkirita teyitenga ku mutwe gwe. Anaabanga mutukuvu eri MUKAMA Katonda okutuusa ekiseera kye eky'okweyawula nga kiweddeko; era enviiri ez'oku mutwe gwe anaazirekanga ne zikula ne ziwanvuwa.
6 Ebbanga lyonna ly'anaamalanga mu bweyamo bwe obwo eri MUKAMA Katonda, taasembererenga muntu afudde.
7 Newaakubadde kitaawe, oba nnyina, oba muganda we oba mwannyina nga kwe kuli afudde, taabasembererenga alemenga okufuuka atali mulon-goofu, kubanga akabonero ak'obweyamo obw'okweyawula eri Katonda kanaabanga kali ku mutwe gwe.
8 Okumala ebbanga lyonna ery'obweyamo bwe obw'okweyawula, anaa-banga mutukuvu eri MUKAMA Katonda.
9 "Omuntu bw'anaafanga ekikutuko ng'aliraanye omuwonge oyo, bw'atyo n'afuula enviiri ze okuba ezitali nnongoofu, kale, anaamwanga omutwe gwe ku lunaku olw'okwerongoosa, lwe lunaku olw'omusanvu.

* **6:2** Omunazaalayiti Omuntu yasobolanga okuba Omunazaalayiti okumala ennaku amakumi asatu oba obulamu bwe bwonna. Kyalinga kya kyenneyagalire, kyokka oluusi abazadde b'omwana bebeeyamanga ku lw'abaana baabwe abato, abaana ne bafuuka Abanazaalayiti obulamu bwabwe bwonna. Obweyamo bwalimu ebintu bisatu: obutakomba ku nvinnyo wadde ekintu kyonna ekitamiiza; enviiri ze tezaasalibwangako, wadde ekirevu kye okumwebwa; teyakwatanga ku mulambo

10 Ku lunaku olw'omunaana anaaleetanga amayiba abiri oba enjiibwa ento bbiri eri kabona ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
11 Kabona anaawangayo ekimu ku ebyo ng'ekiweebwayo olw'ekibi, n'ekyokubiri ng'ekiweebwayo ekyokebwa olw'okumutangiririra kubanga yali ayonoonye bwe yaliraana omuntu afudde. Ku lunaku olwo lwe lumu, kw'anaatukulizangako omutwe gwe.
12 Aneewangayo eri MUKAMA Katonda okumala ebbanga lyonna ery'obweyamo bwe obw'okweyawula, era anaaleetanga omwana gw'endiga omulume n'aguwaayo ng'ekiweebwayo olw'okusingibwa omusango. Ennaku ezaasooka teziibalibwenga kubanga yafuuka atali mulongoofu mu bbanga ery'obweyamo bwe obw'okweyawula.
13 "Lino ly'etteeka erinaakwatanga ku Munnazaalayiti ebbanga lye ery'obweyamo obw'okweyawula bwe linaggwangako. Anaaleetebwanga ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
14 Anaawangayo ebirabo bye eby'ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda, bye bino: omwana gw'endiga omulume ogw'omwaka ogumu ogw'obukulu ogutaliiko kamogo nga gwe gw'ekiweebwayo ekyokebwa; n'omwana gw'endiga omuluusi ogutaliiko kamogo nga gwe gw'ekiweebwayo olw'ekibi; n'endiga ennume etaliiko kamogo nga ye y'ekiweebwayo olw'emirembe;
15 n'ekibbo ky'emigaati egitali mizimbulukuse; ne kkeeke ezikoleddwa mu buwunga obulungi obutabuddwamu n'amafuta ag'omuzeeyituuni agafumba; n'obusukuuti obw'oluwewere obutali buzimbulukuse obusiigiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni, n'ebiweebwayo eby'emmere y'empeke n'ebiweebwayo eby'ebyokunywa.
16 "Kabona anaabireetanga awali MUKAMA Katonda, n'awaayo ekiweebwayo kye olw'ekibi n'ekiweebwayo kye ekyokebwa.
17 Anaawangayo endiga ennume nga ssaddaaka ey'ekiweebwayo olw'emirembe eri MUKAMA Katonda awamu n'ekibbo ky'emigaati egitali mizimbulukuse; era kabona anaawangayo ekiweebwayo eky'emmere y'empeke n'ekiweebwayo eky'ebyokunywa.
18 "Omunnazaalayiti anaamweranga omutwe gwe ogw'obuwonge bwe ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu; anaddiranga enviiri ezivudde ku mutwe ogw'obuwonge bwe n'azissa ku muliro oguli wansi wa ssaddaaka ey'ekiweebwayo olw'emirembe.
19 "Omunnazaalayiti bw'anaamalanga okumwa omutwe gwe ogw'obuwonge bwe, kabona anaddiranga omukono gw'endiga omufumbe, n'aggya ne kkeeke etali nzimbulukuse emu mu kibbo, n'akasukuuti ak'oluwewere akatali kazimbulukuse kamu, n'abimukwasa mu ngalo ze.
20 Kabona anaabiwuubanga nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga MUKAMA Katonda. Binaabanga bitukuvu era nga bya kabona awamu n'ekifuba ekiwuubibwa n'ekisambi ekinaaweebwangayo. Ebyo bwe binaggwanga, Omunnazaalayiti anaayinzanga okunywa envinnyo.
21 "Eryo lye tteeka ery'Omunnazaalayiti aneeyamanga okwewaayo eri MUKAMA Katonda ng'obweyamo bwe obw'okweyawula bwe bunaabanga, ng'agasseeko n'ebirala nga bw'anaasobolanga. Anaateekwanga okutuukiriza obweyamo bwe bwanaabanga akoze, ng'etteeka ly'Omunnazaalayiti bwe liragira."

*Omukisa gwa Kabona*

22 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
23 "Tegeeza Alooni ne batabani be nti, Bwe muti bwe munaasabiranga abaana ba Isirayiri omukisa: munaabagambanga nti:

24 " 'MUKAMA Katonda akuwe omukisa,
akukuume;
25 MUKAMA Katonda akwakize amaaso ge
akukwatirwe ekisa;
26 MUKAMA Katonda akwolekeze amaaso ge
akuwe emirembe.'

27 "Bwe batyo banaateekanga erinnya lyange ku baana ba Isirayiri, nange naabawanga omukisa."

# 7

### *Okutukuza Ekyoto*

1 Awo olwatuuka ku lunaku olwo, Musa bwe yamala okusimba Weema
ya MUKAMA, n'agifukako amafuta ag'omuzeeyituuni n'agitukuza ne byonna ebikozesebwa mu yo, era n'afuka amafuta ag'omuzeeyituuni ku kyoto n'akitukuza n'ebintu byakyo byonna.
2 Abakulembeze ba Isirayiri, abakulu b'empya za bakitaabwe era nga be bakulembeze b'ebika abaalina obuvunaanyizibwa eri abaabalibwa, ne baleeta ebiweebwayo byabwe.
3 Baaleeta ebirabo byabwe eby'ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda, amagaali agabikkiddwako mukaaga n'ente kkumi na bbiri, nga buli mukulembeze aleeta ente emu, na buli bakulembeze babiri nga baleeta eggaali emu. Ebyo byonna ne babiweerayo mu maaso ga Weema ya MUKAMA.
4 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
5 "Bye baleese bibaggyeeko, binaakozesebwanga ku mirimu gy'omu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Bikwase Abaleevi, nga buli mulimu gwa buli omu bwe gwetaagisa."
6 Bw'atyo Musa n'addira amagaali n'ente n'abiwa Abaleevi.
7 Amagaali abiri n'ente nnya yaziwa batabani ba Gerusoni, ng'emirimu gyabwe bwe gyali,
8 n'addira amagaali ana n'ente munaana n'abiwa batabani ba Merali, ng'emirimu gyabwe bwe gyali; bonna nga bakulemberwa Isamaali mutabani wa Alooni, kabona.
9 Naye abaana ba Kokasi, Musa teyabawaako, kubanga ebintu ebitukuvu bye baalinako obuvunaanyizibwa baabitwaliranga ku bibegabega byabwe.
10 Bwe batyo abakulembeze ne bawaayo ebiweebwayo mu maaso g'ekyoto olw'okukitukuza, ku lunaku lwe kyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni.
11 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Buli lunaku omukulembeze omu anaaleetanga ekiweebwayo kye olw'okutukuza ekyoto."

### *Ebiweebwayo bya Nakusoni ne Nesaneri*

12 Eyaleeta ekiweebwayo kye ku lunaku olusooka yali Nakusoni mutabani wa Amminadaabu ow'omu kika kya Yuda.
13 Ekiweebwayo kye yali

sowaani emu eya ffeeza, ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza eky'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, byombi, essowaani n'ekibya, nga bipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
14 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
15 ente ya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu oguwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
16 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
17 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu. Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Nakusoni mutabani wa Amminadaabu.

18 Ku lunaku olwokubiri Nesaneri mutabani wa Zuwaali, omukulembeze wa Isakaali, n'aleeta ekiweebwayo kye.
19 Ekirabo kye yaleeta yali
sowaani eya ffeeza ng'epima obuzito bwa kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
20 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
21 ente ya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu oguwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
22 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
23 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu. Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Nesaneri mutabani wa Zuwaali.

### *Ebiweebwayo bya Eriyaabu ne Erizuuli*

24 Ku lunaku olwokusatu Eriyaabu mutabani wa Keroni, omukulembeze w'abantu ba Zebbulooni, yaleeta ekiweebwayo kye.
25 Ekiweebwayo kye yali
sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
26 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;

27 ente eya sseddume emu nga nvubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
28 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
29 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.
Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Eriyaabu mutabani wa Keroni.

30 Ku lunaku olwokuna Erizuuli mutabani wa Sedewuli, omukulembeze w'abantu ba Lewubeeni, n'aleeta ekiweebwayo kye.
31 Ekiweebwayo kye yali
sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
32 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu, ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
33 ente eya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
34 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
35 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.
Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Erizuuli mutabani wa Sedewuli.

### *Ebiweebwayo bya Serumiyeeri ne Eriyasaafu*

36 Ku lunaku olwokutaano Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi, omukulembeze w'abantu ba Simyoni, yaleeta ekiweebwayo kye.
37 Ekiweebwayo kye yali
sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
38 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu, ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
39 ente eya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
40 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
41 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.

Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi.

42 Ku lunaku olw'omukaaga Eriyasaafu mutabani wa Deweri, omukulembeze w'abantu ba Gaadi, n'aleeta ekiweebwayo kye.
43 Ekiweebwayo kye yali
sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
44 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
45 ente eya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
46 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
47 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.
Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Eriyasaafu mutabani wa Deweri.

*Ebiweebwayo bya Erisaama ne Gamalyeri*

48 Ku lunaku olw'omusanvu Erisaama mutabani wa Ammikudi, omukulembeze w'abantu ba Efulayimu, n'aleeta ekiweebwayo kye.
49 Ekiweebwayo kye yali
sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya kya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
50 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu, ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
51 ente eya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
52 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
53 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu. Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Erisaama mutabani wa Ammikudi.

54 Ku lunaku olw'omunaana Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli, omukulembeze w'abantu ba Manase, n'aleeta ekiweebwayo kye.
55 Ekiweebwayo kye yali

esowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu,
n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo
bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipim-
ibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, byombi nga bijjuzid-
dwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni
obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;

56 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu, ng'obuzito kipima gulaamu
kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;

57 ente eya sseddume emu envubuka, endiga ennume emu,
n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka
gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;

58 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;

59 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri,
endiga ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano
abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.

Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli.

### *Ebiweebwayo bya Abidaani ne Akiyezeeri*

60 Ku lunaku olw'omwenda Abidaani mutabani wa Gidyoni,
omukulembeze w'abantu ba Benyamini, n'aleeta ekiweebwayo
kye.

61 Ekiweebwayo kye yali

sowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu,
n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo
bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipim-
ibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuzid-
dwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni
obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;

62 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu
kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;

63 ente eya sseddume emu nga nvubuka, endiga ennume emu,
n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka
gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;

64 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;

65 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri,
endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga
abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.
Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Abidaani mutabani
wa Gidyoni.

66 Ku lunaku olw'ekkumi Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi,
omukulembeze w'abantu ba Ddaani, n'aleeta ekiweebwayo kye.

67 Ekiweebwayo kye yali

essowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu,
n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo
bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipim-
ibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuzid-
dwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni
obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;

68 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu
kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;

69 ente eya sseddume emu nga nvubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
70 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
71 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.

Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi.

### *Ebiweebwayo bya Pagiyeeri ne Akira*

72 Ku lunaku olw'ekkumi n'olumu Pagiyeeri mutabani wa Okulaani, omukulembeze w'abantu ba Aseri, n'aleeta ekiweebwayo kye.
73 Ekiweebwayo kye yali
essowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
74 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi, nga kijjudde ebyakaloosa;
75 ente eya sseddume emu nga nvubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
76 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
77 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.

Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Pagiyeeri mutabani wa Ekulaani.

78 Ku lunaku olw'ekkumi n'ebbiri Akira mutabani wa Enani, omukulembeze w'abantu ba Nafutaali, yaleeta ekiweebwayo kye.
79 Ekiweebwayo kye yali
essowaani emu eya ffeeza ng'obuzito epima kilo emu n'ekitundu, n'ekibya ekya ffeeza omubeera eby'okumansira ng'obuzito bwakyo bwali obutundu bwa kilo, munaana, nga buli kimu kipimibwa ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri; byombi nga bijjuziddwa obuwunga obulungi obutabulemu amafuta ag'omuzeeyituuni obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke;
80 n'ekijiiko ekinene ekya zaabu kimu ng'obuzito kipima gulaamu kikumi mu kkumi nga kijjudde ebyakaloosa;
81 ente eya sseddume emu nga nvubuka, endiga ennume emu, n'omwana gw'endiga omulume gumu nga guwezezza omwaka gumu ogw'obukulu, olw'ekiweebwayo ekyokebwa;
82 embuzi ennume emu nga ya kiweebwayo olw'ekibi;
83 era olwa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, n'abaana b'endiga abalume bataano abawezezza omwaka gumu gumu ogw'obukulu.

Ekyo kye kyali ekiweebwayo eri MUKAMA ekya Akira mutabani wa Enani.

84 Bino bye biweebwayo abakulembeze ba Isirayiri bye baaleeta olw'okutukuza ekyoto ku lunaku lwe kyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni:
essowaani eza ffeeza kkumi na bbiri, ebibya omubeera eby'okumansira kkumi na bibiri, n'ebijiiko ebinene ebya zaabu kkumi na bibiri.
85 Buli sowaani eya ffeeza ng'epima obuzito bwa kilo emu n'ekitundu,
na buli kibya omubeera eby'okumansira nga kipima obuzito bwa butundu
bwa kilo, munaana. Okugatta awamu obuzito bw'essowaani ezo zonna
n'obw'ebibya ebyo byonna bwali bupima kilo amakumi abiri mu mu-
naana ng'ebipimo by'awatukuvu bwe byali.
86 Ebijiiko ebya zaabu ebinene ekkumi n'ebibiri ebyali bijjudde
ebyakaloosa buli kimu, byali bipima obuzito kilo kikumi mu kkumi na
musanvu, ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri. Okugatta awamu ebijiiko
byonna byapima obuzito bwa kilo emu ne desimoolo nnya.
87 Omuwendo gwonna ogw'ebisolo ebyaweebwayo olw'ekiweebwayo ekyokebwa gwali bwe guti: ente ento ennume kkumi na bbiri, endiga ennume kkumi na bbiri, abaana b'endiga abato abalume ab'omwaka ogw'obukulu gumu baali kkumi na babiri, awamu n'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke n'ebigenderako. Embuzi ennume kkumi na bbiri ze zaakozesebwa olw'ekiweebwayo olw'ekibi.
88 Omuwendo gwonna ogw'ebisolo ebyaweebwayo olwa ssaddaaka y'ekiweebwayo olw'emirembe gwali bwe guti: ente ennume amakumi abiri mu nnya, endiga ennume nkaaga, embuzi ennume nkaaga n'abaana b'endiga abato abalume ab'omwaka ogw'obukulu ogumu ogumu nabo nkaaga.

Ebyo bye byali ebiweebwayo olw'okutukuza ekyoto nga kimaze okufukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni.

89 Awo Musa bwe yayingira mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu
okwogera ne MUKAMA, n'awulira eddoboozi nga lyogera gy'ali nga liva
wakati wa bakerubbi ababiri abali waggulu w'entebe ey'okusaasira eri
ku Ssanduuko ey'Endagaano. Bw'atyo Mukama bwe yayogera naye.

# 8

*Ekikondo ky'Ettaala*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Yogera ne Alooni omugambe nti, 'Bw'oba oteekateeka ettaala
omusanvu, zisaana zaake nga zimulisa ebbanga eryo eriri mu maaso
g'ekikondo ky'ettaala.' "
3 Alooni n'akola bw'atyo; n'akoleeza ettaala ne zaaka nga zimulisa
ebbanga eryali mu maaso g'ekikondo ky'ettaala, nga MUKAMA Katonda
bwe yalagira Musa.
4 Ekikondo ky'ettaala kyakolebwa mu ngeri eno: kyaweesebwa mu
zaabu okuva ku ntobo yaakyo okutuuka ku bimuli byakyo. Ekikondo
ky'ettaala kyakolebwa ng'ekifaananyi ekyokulabirako MUKAMA Katonda
kye yalaga Musa bwe kyali.

*Obulongoofu bw'Abaleevi*

5 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
6 "Ggyamu Abaleevi mu baana ba Isirayiri, obafuule balongoofu.
7 Okubafuula abalongoofu ojja kukola bw'oti: bamansireko amazzi ag'obulongoofu, obalagire bamwe omubiri gwabwe gwonna, era booze n'engoye zaabwe, bwe batyo bafuuke abalongoofu.
8 Balagire baweeyo ente ya sseddume ento n'ekiweebwayo ekigenderako eky'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni; n'oluvannyuma naawe oddire ente ya sseddume ento ogiweeyo olw'ekiweebwayo olw'ekibi.
9 Abaleevi obaleete mu maaso ga Weema ya MUKAMA ey'Okukuŋŋaanirangamu, era okuŋŋaanyize awo ekibiina ky'abaana ba Isirayiri bonna.
10 Onooleeta Abaleevi mu maaso ga MUKAMA, era abaana ba Isirayiri bajja kussa emikono gyabwe ku Baleevi abo.
11 Alooni ajja kuwaayo Abaleevi eri MUKAMA Katonda ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa ekivudde mu baana ba Isirayiri, bwe batyo babe nga beetegese okukola omulimu gwa MUKAMA.
12 "Abaleevi banassa emikono gyabwe ku mitwe gy'ente zisseddume zombi; emu onoogiwaayo ng'ekiweebwayo olw'ekibi, n'endala ng'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA Katonda, okutangiririra Abaleevi.
13 Ojja kuyimiriza Abaleevi mu maaso ga Alooni ne batabani be, olyoke obaweeyo eri MUKAMA Katonda ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa.

### *Abaleevi Bayawulwa ku Bantu*

14 "Bw'otyo bw'onooyawula Abaleevi okuva mu baana ba Isirayiri, era Abaleevi banaabanga bange.
15 "Ebyo nga biwedde Abaleevi banaayingiranga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu ne baweereza, ng'omaze okubafuula abalongoofu era ng'obawaddeyo ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa.
16 Kubanga bampeereddwa ddala nga bava mu baana ba Isirayiri. Mbeetwalidde nga be bange ddala mu kifo ky'ababereberye, eky'abaana aboobulenzi ababereberye abazaalibwa buli mukazi Omuyisirayiri.
17 Buli ekizaalibwa kyonna mu Isirayiri ekisajja nga kibereberye, oba muntu oba nsolo, kyange. Bwe nazikiriza ebibereberye byonna eby'omu nsi y'e Misiri, ebya Isirayiri nabyeyawulirako ne biba byange.
18 Kaakano ntutte Abaleevi mu kifo ky'ababereberye mu baana ba Isirayiri.
19 Nzigye Abaleevi mu baana ba Isirayiri ne mbagabira Alooni ne batabani be ng'ekirabo, bakolererenga abaana ba Isirayiri nga baweereza mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu nga batangiririra abaana ba Isirayiri balemenga kulumbibwa kawumpuli nga babadde basemberedde awatukuvu."
20 Bwe batyo Musa ne Alooni n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne bakola ku Baleevi ebyo byonna nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
21 Abaleevi ne bayoza engoye zaabwe, ne Alooni n'abawaayo ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa eri MUKAMA Katonda, n'abatangiririra okubafuula abalongoofu.
22 Ebyo bwe byaggwa Abaleevi ne bajja okukola omulimu gwabwe nga baweereza mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga balabirirwa Alooni ne batabani be. Baakola byonna ku Baleevi nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

23 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
24 "Bino bye bikwata ku Baleevi: Abasajja ab'emyaka amakumi abiri
mu etaano egy'obukulu n'okusingawo, banajjanga ne batandika emirimu
gyabwe mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu;
25 naye bwe banaawezanga emyaka egy'obukulu amakumi ataano
banaawummuliranga ddala ne bava ku mirimu emitongole egya bulijjo
ne bateeyongera kuweereza.
26 Naye banaayinzanga okudduukirirako ku booluganda abanaabanga
bakola emirimu egyo mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, naye
bo ku lwabwe tebaakolenga mirimu egyo mu butongole. Bw'otyo
bw'onootegekanga emirimu gy'Abaleevi."

# 9

*Ekiragiro ku Mbaga ey'Okuyitako*

1 Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa mu Ddungu lya Sinaayi mu mwezi
ogw'olubereberye ogw'omwaka ogwokubiri kasookedde bava mu nsi y'e
Misiri. N'amugamba nti,
2 "Lagira abaana ba Isirayiri bakwatenga Embaga ey'Okuyitako mu
ntuuko zaayo nga bwe kyalagirwa.
3 Mugikwatanga mu ntuuko zaayo ezaalagirwa ku lunaku olw'ekkumi
n'ennya olw'omwezi guno nga buwungeera, ng'amateeka n'ebiragiro
byako bwe bigamba."
4 Bw'atyo Musa n'agamba abaana ba Isirayiri okukwata Embaga
ey'Okuyitako;
5 era ne bakola bwe batyo mu Ddungu lya Sinaayi ku lunaku olw'ekkumi
n'ennya olw'omwezi ogw'olubereberye nga buwungeera. Abaana ba
Isirayiri baakola ebyo byonna nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
6 Naye waaliwo abantu abamu abataasobola kukwata Mbaga
ey'Okuyitako ku lunaku olwo, kubanga tebaali balongoofu olwokubanga
baali bakutte ku mufu. Bwe batyo ne bajja eri Musa ne Alooni ku lunaku
olwo lwennyini,
7 ne bagamba Musa nti, "Tetuli balongoofu kubanga twakutte ku
mufu; lwaki tugaanibwa okuleetera MUKAMA ekiweebwayo kye, awamu
n'abaana ba Isirayiri, mu ntuuko zaakyo ezaalagirwa?"
8 Musa n'abaddamu nti, "Mulinde mmale okumanya MUKAMA Katonda
ky'anandagira ku nsonga yammwe."
9 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
10 "Yogera eri abaana ba Isirayiri obagambe nti, 'Omu ku mmwe,
oba omu ku bazzukulu bammwe ab'omu mirembe egiriddawo, singa
afuuka atali mulongoofu olw'okukwata ku mufu, oba nga taliiwo yagenda
olugendo olw'ewala, anaakwatanga Embaga ey'Okuyitako eya MUKAMA
Katonda.
11 Banaakwatanga embaga eyo ku lunaku olw'ekkumi n'ennya mu
mwezi ogwokubiri akawungeezi. Omwana gw'endiga banaagulyanga
n'omugaati ogutali muzimbulukuse n'enva ez'ebikoola ebikaawa.
12 Tebagulekangawo okutuusa enkeera, wadde okumenya ku magumba
gaagwo. Bwe banaakwatanga Embaga ey'Okuyitako kinaabasaaniranga
okukola ng'amateeka g'embaga eyo bwe galagira.
13 Naye omuntu omulongoofu ate nga teyagenda lugendo, kyokka
n'atakwata Mbaga ey'Okuyitako, anaawaŋŋangusibwanga n'ava mu

banne, kubanga teyaleeta kiweebwayo kya MUKAMA Katonda mu ntuuko zaakyo. Ekibi ky'omuntu oyo kinaabeeranga ku mutwe gwe.
14 " 'Omunnaggwanga anaabeeranga mu mmwe bw'anaabanga ayagala okukwata Embaga ey'Okuyitako kwa MUKAMA Katonda anaagikwatanga ng'agoberera amateeka n'ebiragiro byayo. Munaabanga n'ebiragiro byebimu ebinaagobererwanga bannaggwanga era ne bannansi.' "

*Ekire Waggulu w'Eweema*

15 Ku lunaku Weema ya MUKAMA ey'Endagaano lwe yasimbibwa, ekire ne kigibikka. Okuva akawungeezi okutuusa ku makya ekire ekyali waggulu wa Weema ne kifaanana ng'omuliro.
16 Bwe kityo bwe kyabeeranga; ekire kyagibikkanga emisana naye ekiro ne kifaanana ng'omuliro.
17 Era ekire buli lwe kyaggyibwanga ku Weema, olwo abaana ba Isirayiri ne basitula mu lugendo lwabwe; era awo ekire ekyo we kyayimiriranga, nga n'abaana ba Isirayiri we basiisira.
18 MUKAMA bwe yalagiranga abaana ba Isirayiri okusitula mu lugendo lwabwe, nga basitula; MUKAMA bwe yabalagiranga okukuba olusiisira nga bakola bwe batyo. Ebbanga lyonna ekire lye kyamalanga waggulu wa Weema nga nabo lye bamala mu lusiisira lwabwe.
19 Ekire ne bwe kyamalanga ennaku ennyingi waggulu wa Weema, abaana ba Isirayiri baagonderanga ekiragiro kya MUKAMA Katonda ne batasitula kutambula.
20 Oluusi ekire kyamalanga ennaku ntono waggulu wa Weema; naye ng'ekiragiro kya MUKAMA Katonda bwe kyali, nga basigala mu lusiisira lwabwe; kyokka oluvannyuma nga basitula okutambula ng'ekiragiro kya MUKAMA Katonda bwe kyabanga.
21 Oluusi ekire kyabeerangawo okuva akawungeezi okutuusa mu makya; naye ekire bwe kyaggyibwangawo mu makya, ng'olwo basitula okutambula; oba bwe kyasigalangawo olunaku n'ekiro kyonna oluvannyuma ne kiggyibwawo, ng'olwo basitula okutambula.
22 Ekire ne bwe kyabeeranga waggulu wa Weema okumala ennaku ebbiri oba omwezi, abaana ba Isirayiri nga babeera awo mu lusiisira lwabwe nga tebasitula kutambula; naye bwe kyaggyibwangawo ng'olwo basitula okutambula.
23 MUKAMA bwe yabalagiranga okusigala, nga basigala mu lusiisira lwabwe nga bawummudde, ate MUKAMA bwe yabalagiranga okutambula, nga basitula okutambula. Baagonderanga ekiragiro kya MUKAMA nga bwe yalagira Musa.

# 10

*Amakondeere Aga Ffeeza*

1 MUKAMA n'agamba Musa nti,
2 "Weesa mu ffeeza amakondeere abiri ogakozesenga okuyitanga abantu bonna okukuŋŋaana, era n'okubalagira okuggyawo ensiisira zaabwe.
3 Amakondeere gombi bwe ganaafuuyibwanga, ekibiina ky'abantu bonna banaakuŋŋaaniranga w'oli ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
4 Naye bwe banaafuuwangako erimu, olwo abakulembeze, be bakulu b'ebika bya Isirayiri, be banaakuŋŋaaniranga w'oli.
5 Amakondeere ag'omwanguka bwe ganaafuuyibwanga, ebika ebinaabanga bisiisidde ku luuyi olw'ebuvanjuba binaasitulanga okutambula.

6 Ate bwe banaafuuwanga ag'omwanguka omulundi ogwokubiri, ensi-
isira ezinaabanga mu bukiikaddyo, zinaasitulanga okutambula. Amakon-
deere ag'omwanguka ke kanaabanga akabonero akanaabategeezanga nti
basitule batambule.
7 Naye bwe kineetaagisanga okukuba olukuŋŋaana, onoofuuwanga
amakondeere naye tegaabenga ga mwanguka.
8 "Abaana ba Alooni, bakabona, be banaafuuwanga amakondeere. Lino
linaabanga tteeka ery'enkalakkalira mu mmwe ne mu mirembe egigenda
okujja.
9 Bwe munaagendanga okutabaala omulabe abajoogerereza mu nsi
yammwe, mufuuwanga amakondeere ag'omwanguka. Bwe mutyo muna-
jjukirwanga MUKAMA Katonda, era anaabawonyanga abalabe bammwe.
10 Mu biseera eby'essanyu, ne ku mbaga zammwe entongole ne ku
mbaga z'omwezi ogwakaboneka, munaafuuwanga amakondeere nga bwe
muwaayo ebiweebwayo byammwe ebyokebwa n'ebiweebwayo byammwe
olw'emirembe, era binaabanga bijjukizo byammwe awali Katonda
wammwe. Nze MUKAMA Katonda wammwe."

*Okuva mu Sinaayi*

11 Awo olwatuuka ku lunaku olw'amakumi abiri mu mwezi ogwokubiri
mu mwaka ogwokubiri, ekire ne kisitulibwa okuva waggulu wa Weema
ey'Endagaano.
12 Abaana ba Isirayiri ne basitula ne batambula okuva mu Ddungu lya
Sinaayi, oluvannyuma ekire ne kiyimirira mu Ddungu lya Palani.
13 Ogwo gwe gwali omulundi omubereberye okusitula okutambula nga
bagendera ku kiragiro kya MUKAMA Katonda kye yayisa mu Musa.
14 Olusiisira lw'abaana ba Yuda lwe lwasooka okusitula okutambula, nga
bakulemberwa ebendera yaabwe; Nakusoni mutabani wa Amminadaabu
nga ye muduumizi waabwe.
15 Nesaneri mutabani wa Zuwaali ye yaduumira ekibinja ky'ekika kya
Isakaali,
16 ne Eriyaabu mutabani wa Keroni n'aduumira ekibinja ky'ekika kya
Zebbulooni.
17 Eweema ya MUKAMA n'esimbulwa, batabani ba Gerusoni ne batabani
ba Merali abaagyetikkanga ne basitula ne batambula.
18 Ebibinja by'omu lusiisira lwa Lewubeeni bye byaddako okusitula oku-
tambula awamu n'ebendera yaabyo, nga biduumirwa Erizuuli mutabani
wa Sedewuli.
19 Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi ye yaduumira ekibinja ky'ekika
kya Simyoni,
20 ne Eriyasaafu mutabani wa Deweri n'aduumira ekibinja ky'ekika kya
Gaadi.
21 Abakokasi ne basitula okutambula nga beetisse ebintu ebitukuvu.
Eweema ya MUKAMA ng'emala kusimbibwa, nabo ne balyoka batuuka.
22 Ebibinja by'omu lusiisira lwa Efulayimu bye byaddirira okusitula oku-
tambula awamu n'ebendera yaabyo; Erisaama mutabani wa Ammikudi
nga ye muduumizi waabyo.
23 Gamalyeri mutabani wa Pidazuuli ye yaduumira ekibinja ky'ekika kya
Manase;
24 ne Abidaani mutabani wa Gidyoni n'aduumira ekibinja ky'ekika kya
Benyamini.
25 Ku nkomerero ya byonna, ebibinja by'omu lusiisira lwa Ddaani, nga
bye bikuuma emabega, ne bisitula okutambula n'ebendera yaabyo nga

bikoobedde ensiisira zonna; Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi nga ye
muduumizi waabyo.
26 Pagiyeeri mutabani wa Okulaani ye yaduumira ekibinja ky'ekika kya
Aseri;
27 ne Akira mutabani wa Enani n'aduumira ekibinja ky'ekika kya
Nafutaali.
28 Eyo ye yali entegeka ey'abaana ba Isirayiri ng'ebibinja byabwe bwe
byali nga basitula okutambula.
29 Awo Musa n'agamba mukoddomi we Kobabu mutabani wa Leweri
Omumidiyaani nti, "Tusitula okutambula okugenda mu kifo MUKAMA kye
yatugamba nti, 'Ndikibawa.' Kale nno, jjangu tugende ffenna tulikuyisa
bulungi, kubanga MUKAMA yasuubiza Isirayiri ebintu ebirungi."
30 Naye n'addamu nti, "Nedda, sijja kugenda nammwe, nzirayo mu nsi
ye waffe era mu bantu bange."
31 Naye Musa n'amugamba nti, "Nkwegayiridde totuleka. Ggwe omanyi
obulungi eddungu gye tusaanye okukuba olusiisira lwaffe, ggwe ojja
okubeera amaaso gaffe.
32 Singa ojja ne tugenda ffenna, tunaagabaniranga wamu buli kirungi
kyonna MUKAMA ky'anaatuwanga."

### *Essanduuko ey'Endagaano, n'Ekire Ekikulemberamu*

33 Awo ne basitula okuva ku lusozi lwa MUKAMA Katonda ne batambulira
ennaku ssatu. Essanduuko ya MUKAMA ey'Endagaano n'ebakulemberanga
okumala ennaku ezo essatu ng'ebanoonyeza ekifo eky'okuwummuliramu.
34 Buli lwe baasitulanga okutambula nga bava mu lusiisira, ekire kya
MUKAMA Katonda kyabeeranga waggulu waabwe buli budde bwa misana.
35 Buli abeetissi b'Essanduuko ya MUKAMA Katonda lwe baasitulanga
okutambula, Musa n'agamba nti,
"Golokoka, Ayi MUKAMA!
Abalabe bo basaasaane;
amaggye agakulwanyisa gakudduke."
36 Buli Ssanduuko ya MUKAMA Katonda lwe yawummuzibwanga, Musa
n'agamba nti,
"Komawo, Ayi MUKAMA,
eri enkumi n'enkumi eza Isirayiri."

## 11

### *Abantu Beemulugunya*

1 Awo abantu ne beemulugunya olw'ebizibu byabwe nga ne MUKAMA
awulira; bwe yabawulira obusungu bwe ne bubuubuuka. Omuliro ne
guva eri MUKAMA ne gwakira mu bo, ne gwokya ebitundu ebimu ebyali
bikomererayo eby'olusiisira lwabwe.
2 Abantu ne bakaabirira Musa; Musa n'asaba MUKAMA, omuliro ne
guzikira.
3 Ekifo ekyo ne kituumibwa erinnya Tabera, kubanga omuliro ogwava
eri MUKAMA gwabaakiramu.

### *Emmaanu*

4 Abagwira abaali beetabudde mu baana ba Isirayiri ne baluluunkanira
ebyokulya; n'abaana ba Isirayiri nabo ne bongera okukaaba nga bwe
bagamba nti, "Singa nno tufuna ku nnyama ne tulyako!

5 Tukyajjukira ebyennyanja bye twalyanga mu Misiri nga tewali na
kye tubisasulidde, ne wujju n'ensujju, n'enderema n'obutungulu ne
katungulukyumu n'ebyokuliira.
6 Naye kaakano n'okwoya emmere kutuweddemu, buli we tukuba eriiso
tulaba mmaanu eno!"
7 Emmaanu yafaanananga ng'ensigo za koliyanda, nga n'ekifaananyi
kyayo kiri ng'ekya bideriamu.
8 Abantu baagendanga ne bagikuŋŋaanya ne bagiseera ku lubengo oba
ne bagisekulira mu binu, ne bagifumba mu ntamu oba ne bakolamu
bukeeke. Nga mu kamwa ebanga ekoleddwa n'amafuta ga zeyituuni.
9 Omusulo bwe gwagwanga mu lusiisira ekiro n'emmaanu nayo n'egwa
nagwo.

### *Musa Asaba Ennyama*

10 Musa n'awulira abantu aba buli luggya nga bakaaba, buli omu
ng'akaabira mu muzigo gw'eweema ye; obusungu bwa MUKAMA Katonda
ne bubuubuuka nnyo, ne Musa n'asoberwa n'anyiikaala.
11 Musa n'agamba MUKAMA Katonda nti, "Lwaki oleetedde omuddu wo
obuzibu buno? Nkoze ki ekitakusanyusizza ne kikuleetera okwetikka
omugugu gw'abantu bano bonna?
12 Nze nali olubuto omwali abantu bano bonna? Nze nabazaala? Lwaki
oŋŋamba okubasitula mu mikono gyange ng'omulezi w'abaana bw'asitula
omwana omuwere mbatwale mu nsi gye wabasuubiza ng'ogirayirira
bajjajjaabwe?
13 Ennyama abantu bano bonna gye banaalya nnaagiggya wa? Kubanga
baneetayirira nga bankaabirira nti, 'Tuwe ennyama tulye!'
14 Sisobola kusitula bantu bano bonna bw'omu kubanga obuzito
bwabwe buyinza okummenya nga ndi nzekka.
15 Obanga bw'otyo bw'ojja okumpisa, ate nga bulijjo ondaga ekisa kyo,
kale nno nzitiraawo kaakano oleme kundeka ne neereetera okwezikiriza."

### *MUKAMA Ayanukula Musa*

16 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Nfunira abasajja nsanvu mu bakulu
ba Isirayiri b'omanyi nga be bakulu b'abantu era nga be bakulembeze
baabwe obaleete ku Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, bayimirire awo
naawe.
17 Nzija kukka awo njogere naawe; era nzija kutoola ku mwoyo oguli
mu ggwe ngubateekemu, balyokenga bakusitulireko omugugu gw'abantu
oleme kugwetikkanga wekka.
18 "Abantu bagambe nti, 'Mwetukuze nga mwetegekera olunaku
lw'enkya, lwe mujja okulya ennyama. Kubanga MUKAMA Katonda
yabawulira nga mumukaabirira bwe muti nti, "Singa tufunye ku nnyama
ne tulyako! Bwe twali mu Misiri twali bulungi!" Noolwekyo MUKAMA ajja
kubawa ennyama mugirye.
19 Temugenda kugirya mu lunaku lumu, oba mu nnaku bbiri, oba mu
nnaku ttaano, oba mu nnaku kkumi, oba nnaku abiri;
20 naye kumala mwezi mulambirira, okutuusa lw'erifulumira mu
nnyindo zammwe n'ebanyiwa, kubanga mwesamudde MUKAMA Katonda
abeera mu mmwe, ne mumukaabirira nga mugamba nti, "Mu Misiri
twaviirayo ki?" ' "
21 Musa n'agamba nti, "Abantu bano mwe ndi bawera omuwendo gwa
mitwalo nkaaga abatambuza ebigere, naawe ogamba nti, 'Nzija kubawa
ennyama gye banaalya okumala omwezi mulamba!'

22 Ebisolo ebiri mu biraalo ne mu bisibo bwe binattibwa binaabamala?
Nantiki ebyennyanja byonna eby'omu nnyanja bwe binaavubibwa ne
bibaweebwa, binaabamala?"
23 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Omukono gwa MUKAMA Katonda
guyimpawadde? Kaakano ojja kulaba obanga ekigambo kyange kye
nkugambye kinaatuukirira oba tekiituukirire."
24 Awo Musa n'afuluma n'ategeeza abantu ebigambo bya MUKAMA
Katonda; n'akuŋŋaanya abasajja nsanvu mu bakulembeze b'abantu
n'abayimiriza okumpi ne Weema ya MUKAMA.
25 Awo MUKAMA Katonda n'akkira mu kire n'ayogera ne Musa, n'addira
ku mwoyo ogwali mu Musa n'agussa mu bakulembeze ensanvu. Omwoyo
bwe baagufuna ne batandika okutegeeza obunnabbi, kyokka tebaddayo
nate kukikola.
26 Waaliwo abasajja babiri nga bayitibwa Eridaadi ne Medadi, baali
babaliddwa ku bakulembeze ensanvu, naye bo ne basigala mu lusiisira,
ne batagenda ku Weema ya MUKAMA; nabo baafuna omwoyo, era ne
bategeeza obunnabbi mu lusiisira.
27 Omuvubuka n'adduka n'agenda ategeeza Musa nti, "Eridaadi ne
Medadi bategeeza obunnabbi mu lusiisira."
28 Awo Yoswa mutabani wa Nuuni, omuweereza wa Musa gwe yali
yeerondedde ng'akyali muvubuka n'agamba nti, "Mukama wange Musa,
baziyize."
29 Naye Musa n'amugamba nti, "Okwatiddwa obuggya ku lwange?
Kyandibadde kirungi singa abantu ba MUKAMA bonna bannabbi, ne
MUKAMA Katonda n'abawa omwoyo gwe!"
30 Musa n'abakulembeze ba Isirayiri ne baddayo mu lusiisira.

### *MUKAMA Aweereza Ennyama ey'Obugubi*

31 Awo empewo n'eva eri MUKAMA Katonda n'ereeta obugubi nga buva
mu nnyanja ne bugwa okwebungulula olusiisira nga bukoze entuumo nga
ya mita emu okuva ku ttaka, nga bujjuza ebbanga lya lugendo lwa lunaku
lumu ku ludda olumu olw'olusiisira n'olugendo lwa lunaku lumu ku ludda
olulala.
32 Ku lunaku olwo ne ku lunaku olwaddirira abantu ne bakuŋŋaanya
obugubi emisana n'ekiro. Tewali yakuŋŋaanya buzito bwakka wansi wa
kilo lukumi; ne babwanika buli wantu mu lusiisira.
33 Naye ennyama yali ekyali mu mannyo gaabwe nga tebannaba kugirya,
obusungu bwa MUKAMA Katonda ne bubuubuukira abantu n'abaleetera
kawumpuli ow'amaanyi ennyo.
34 Noolwekyo ekifo ekyo kyekyava kituumibwa Kiberosu Katava,
kubanga awo we baaziika abantu abaalina omulugube.
35 Abantu bwe baava e Kiberosu Katava ne batambula okutuuka e
Kazerosi ne babeera awo.

# 12

### *Miryamu ne Alooni Bawakanya Musa*

1 Awo Miryamu ne Alooni ne boogera nga bawakanya Musa
olw'omukazi Omukuusi gwe yali awasizza, kubanga yali awasizza Muku-
usi.
2 Ne bagamba nti, "Naye ddala MUKAMA bwe yayogeranga yayitanga
mu Musa yekka? Mu ffe namwo teyayogereramu?" MUKAMA Katonda
n'abiwulira.

3 Naye nno, Musa yali musajja muwombeefu nnyo, nga muteefu okusinga abantu bonna abaali ku nsi.

4 Amangwago MUKAMA n'ayogera ne Musa, ne Alooni ne Miryamu n'abagamba nti, "Mujje, mwensatule, mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu." Bonsatule ne bagenda.

5 MUKAMA Katonda n'akkira mu mpagi ey'ekire, n'ayimirira ku mulyango gwa Weema n'ayita Alooni ne Miryamu. Bombi bwe baasembera

6 n'abagamba nti, "Muwulirize ebigambo byange:
"Mu mmwe bwe mubaamu nnabbi wa MUKAMA Katonda,
nneeraga gy'ali mu kulabikirwa, oba
njogera naye mu birooto.
7 Naye ekyo si bwe kiri ku muddu wange Musa;
mu nju yange yonna, muntu mwesigwa.
8 Bwe mba njogera naye tutunulagana maaso na maaso,
njogera butereevu so si mu ngero;
alaba ekifaananyi kya MUKAMA Katonda.
Kale, lwaki temwatidde
okuwakanya omuddu wange Musa?"

### *Miryamu Agengewala*

9 Obusungu bwa MUKAMA Katonda ne bubabuubuukira, n'abaviira.

10 Ekire bwe kyasituka okuva ku Weema, era laba, Miryamu n'agengewala, n'atukula ng'omuzira. Alooni n'amukyukira n'alaba ng'agengewadde;

11 n'agamba Musa nti, "Nkwegayirira, mukama wange, oleme kututeekako kibi kino kye tukoze mu busirusiru bwaffe.

12 Tomuleka omubiri gwe okufaanana ng'ogw'omwana omuwere azaalibwa ng'ali ng'afudde, ng'omubiri gwe guweddemu ensa."

13 Musa n'akaabirira MUKAMA ng'agamba nti, "Ayi Katonda, nkwegayirira omuwonye."

14 MUKAMA Katonda n'addamu Musa nti, "Singa kitaawe amuwandidde amalusu mu maaso, teyandibadde muswavu okumala ennaku musanvu? Kale mumusibire ebweru w'olusiisira okumala ennaku musanvu; bwe zinaggwaako ayinza okukomezebwawo."

15 Bw'atyo Miryamu n'asibirwa ebweru w'olusiisira okumala ennaku musanvu; abantu ne batasitula kutambula okutuusa Miryamu lwe yakomezebwawo.

16 Ebyo bwe byaggwa abantu ne basitula okuva e Kazerosi ne batambula okutuusa lwe baasiisira mu ddungu lya Palani.

## 13

### *Abakessi Kkumi na Babiri Baweerezebwa mu Kanani*

1 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,

2 "Tuma abasajja bagende bakette beetegereze ensi ya Kanani gye ŋŋenda okuwa abaana ba Isirayiri. Mu buli kika kya bajjajja ojja kulondamu omusajja omu ku bakulembeze baakyo."

3 Bw'atyo Musa n'abatuma okuva mu ddungu lya Palani, ng'ekiragiro kya MUKAMA Katonda bwe kyali. Bonna baali bakulembeze b'abaana ba Isirayiri.

4 Amannya gaabwe ge gano:

Eyava mu kika kya Lewubeeni yali Sammuwa mutabani wa Zakula.
5 Eyava mu kika kya Simyoni yali Safati mutabani wa Kooli.
6 Eyava mu kika kya Yuda yali Kalebu mutabani wa Yefune.
7 Eyava mu kika kya Isakaali yali Igali mutabani wa Yusufu.
8 Eyava mu kika kya Efulayimu yali Koseya mutabani wa Nuuni.
9 Eyava mu kika kya Benyamini yali Paluti mutabani wa Lafu.
10 Eyava mu kika kya Zebbulooni yali Gadyeri mutabani wa Sodi.
11 Eyava mu kika kya Manase, ky'ekika kya Yusufu, yali Gaadi mutabani wa Susi.
12 Eyava mu kika kya Ddaani yali Ammiyeri mutabani wa Gemali.
13 Eyava mu kika kya Aseri yali Sesula mutabani wa Mikaeri.
14 Eyava mu kika kya Nafutaali yali Nakabi mutabani wa Vofesi.
15 Eyava mu kika kya Gaadi yali Geweri mutabani wa Maki.

16 Ago ge mannya ag'abasajja Musa be yatuma okugenda okuketta n'okwetegereza ensi eyo. Musa yali atuumye Koseya mutabani wa Nuuni erinnya Yoswa.

17 Musa n'abatuma okuketta n'okwetegereza ensi ya Kanani, n'abagamba nti, "Mwambuke nga muyita mu Negebu muggukire mu nsi ey'ensozi.
18 Mwetegerezenga ensi nga bw'efaanana, n'abantu baamu nga bwe bali, obanga ba maanyi oba banafu, obanga bangi oba batono.
19 Mulyetegereza obanga ensi mwe babeera nnungi oba mbi. Era muliraba ebibuga byabwe obanga tebiriiko bisenge bya bbugwe oba byetooloddwa bigo.
20 Mulikebera okulaba obanga ensi yaabwe ngimu oba nkalu, era obanga erimu emiti mingi oba temuli. Mwenywezanga ne muleetayo ku bibala eby'omu nsi eyo." Ekyo kye kyali ekiseera ezabbibu nga zaakatandika okwengera.
21 Awo ne bambuka ne beetegereza ensi okuva mu ddungu lya Zini okutuuka e Lekobu okumpi n'awayingirirwa mu Kamasi.
22 Ne bambuka mu Negebu ne batuuka e Kebbulooni, era wano Akimaani ne Sesayi ne Talumaayi abazzukulu ba Anaki nga we babeera. Kebbulooni bwe kyamala okuzimbibwa waayitawo emyaka musanvu ne Zowani eky'omu Misiri nakyo ne kiryoka kizimbibwa.
23 Ne batuuka mu kiwonvu ekiyitibwa Esukoli* ne batemamu ettabi limu eryaliko ekirimba kimu ekya zabbibu, abantu babiri ne bakireetera ku musituliro. Era ne baleeta ne ku makomamawanga ne ku ttiini.
24 Ekifo ekyo ne kiyitibwa Ekiwonvu kya Esukoli, olw'ekirimba ekyo abaana ba Isirayiri kye baatemamu.

### *Abakessi Bakomawo*

25 Awo nga wayiseewo ennaku amakumi ana ne bakomawo nga bamaze okuketta ensi.
26 Ne bajja eri Musa ne Alooni e Kadesi mu ddungu lya Palani. Ne babakomezaawo obubaka n'eri ekibiina kyonna, era ne babanjulira ebibala bye baggya mu nsi eyo.

---

* **13:23** Esukoli Kitegeeza kiwagu. Laba ne mu lunny 24

27 Ne bategeeza Musa nti, “Twatuuka mu nsi gye watutumamu:
ekulukuta amata n’omubisi gw’enjuki, ejjudde ebirungi ebyereere, era
bino bye bibala byamu.
28 Naye nno abantu ababeera mu nsi omwo ba maanyi, n’ebibuga
byabwe binene nnyo era byetooloddwako ebigo. Ate n’ekirala twalabaayo
n’abazzukulu ba Anaki.
29 Abamaleki babeera mu Negebu mu bukiikaddyo; Abakiiti
n’Abayebusi, n’Abamoli babeera mu nsi ey’ensozi; n’Abakanani ne
babeera okumpi n’ennyanja ne ku lubalama lw’omugga Yoludaani.”
30 Awo Kalebu n’asirisa abantu awali Musa n’agamba nti,
“Twambukirewo kaakano tutwale ensi eyo, kubanga ndaba nga tusobola
okugiwangula.”
31 Kyokka abaagenda ne Kalebu okuketta ne baddamu nti, “Abantu bali
tetubasobola, batusinga amaanyi.”
32 Bwe batyo ne babunya mu baana ba Isirayiri alipoota etaali nnungi
ng’efa ku nsi gye baali bagenze okuketta; nga bagamba nti, “Ensi gye tway-
itaayitamu nga tugiketta tesobola na kuliisa bantu baayo abagituulamu;
ate n’abantu bonna be twalabamu baali ba kiwago.
33 Twalabayo n’Abanefisi, abazzukulu ba Anaki abava mu Banefiri. Bwe
twetunulako nga tuli ng’obwacaaka, era nabo nga bwe batulaba bwe
batyo.”

# 14

*Abantu Bajeema*

1 Ekiro ekyo abantu bonna mu kibiina ne bayimusa amaloboozi gaabwe
ne bakaaba n’eddoboozi ery’omwanguka.
2 Abaana ba Isirayiri bonna ne beemulugunyiza Musa ne Alooni; abantu
bonna awamu mu kibiina ne babagamba nti, “Singa twafiira mu nsi y’e
Misiri! Oba singa twafiira mu ddungu muno!
3 Lwaki MUKAMA atutwala mu nsi eyo, tutuuke eyo tulyoke tuttibwe
n’ekitala? Abakazi baffe n’abaana baffe bagenda kunyagibwa. Okuddayo
mu Misiri si kye kinaasingako?”
4 Ne boogeraganya nti, “Ka twerondere omukulembeze tuddeyo mu
Misiri.”
5 Awo Musa ne Alooni ne bavuunama wansi mu maaso g’ekibiina
kyonna eky’abaana ba Isirayiri abaali bakuŋŋaanidde awo.
6 Yoswa mutabani wa Nuuni ne Kalebu mutabani wa Yefune, abaali mu
abo abaagenda okuketta ensi, ne bayuzaayuza engoye zaabwe*,
7 ne bagamba ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri nti, “Ensi gye
twayitaayitamu okugiketta, nsi nnungi nnyo.
8 MUKAMA Katonda bw’aliba atusanyukidde, alitukulembera n’atutuusa
mu nsi eyo, ensi ekulukuta amata n’omubisi gw’enjuki, era agenda
kugituwa.
9 Kyokka temujeemera MUKAMA Katonda, era n’abantu b’omu nsi
omwo temubatya, kubanga kuliba kumenya mu jjenje kkalu; tebakyalina
abakuuma, ate nga MUKAMA Katonda ali wamu naffe. Temubatya.”
10 Naye abantu bonna mu kibiina ne bateesa okubakuba mayinja. Awo
ekitiibwa kya MUKAMA Katonda ne kirabikira eri abaana ba Isirayiri bonna
mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu.

* **14:6** ne bayuzaayuza engoye zaabwe kaali kabonero ak’okukaaba n’okulaga obusungu.

11 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Abantu bano balinnyooma kutuusa
ddi? Balikomya ddi obutanzikiririzaamu, newaakubadde nga nakola
ebyamagero mu bubonero bwe nakolera mu bo?
12 Nzija kubaboola mbazikirize ne kawumpuli, mbasaanyeewo; naye
nzija kukuggyamu ggwe eggwanga eriribasinga abo obukulu n'amaanyi."
13 Naye Musa n'agamba MUKAMA Katonda nti, "Ebyo Abamisiri bagenda
kubiwulira! Kubanga abantu bano wabaggya mu nsi y'Abamisiri
n'obuyinza obw'amaanyi amangi.
14 Bajja kubuulirako ku bantu ab'omu nsi muno. Baamala dda
okukiwulira nga ggwe, Ayi MUKAMA, obeera wakati mu bantu bano, era
nga, Ayi MUKAMA Katonda, mulabagana nabo amaaso n'amaaso, era
ng'ekire kyo kibeera nabo buli kiseera, era ng'obakulemberera mu mpagi
ey'ekire emisana ne mu mpagi ey'omuliro ekiro.
15 Singa abantu bano obatta bonna omulundi gumu, amawanga
agawulidde obututumufu bwo gagenda kugamba nti,
16 'Kubanga MUKAMA Katonda yali tasobola kuyingiza bantu bano mu
nsi gye yabasuubiza ng'agibalayirira; kyeyava abattira mu ddungu.'
17 "Ne kaakano nkwegayirira oyoleke obuyinza bwo, Ayi Mukama nga
bwe buli obusukkirivu nga bwe wasuubiza nti,
18 'MUKAMA Katonda alwawo okusunguwala, era ajjudde okwagala
okutaggwaawo, era asonyiwa ekibi n'obujeemu. Naye era asingiddwa
omusango tamuleka nga tabonerezebbwa; abonereza abaana olw'ebibi
bya bakadde baabwe okutuuka ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna.'
19 Ng'okwagala kwe okungi okutaggwaawo bwe kuli, nsaba osonyiwe
abantu bano ekibi ky'abwe, nga bw'ozze obasonyiwa kasookedde bava
mu Misiri n'okutuusa leero."

### *Ekibonerezo kya Isirayiri*

20 Awo MUKAMA Katonda n'addamu nti, "Mbasonyiye nga bw'onsabye.
21 Naye nno mu mazima ddala nga bwe ndi omulamu, era ng'ekitiibwa
kya MUKAMA Katonda bwe kijjuza ensi yonna,
22 tewalibaawo n'omu ku bantu abaalaba ekitiibwa kyange n'obubonero
obw'ebyamagero bwe nakolera e Misiri ne mu ddungu, naye ne
batagondera ddoboozi lyange wabula ne bangezesa nga bankema
emirundi kkumi,
23 tewalibaawo n'omu ku bo aliraba ku nsi eyo gye nalayirira ba-
jjajjaabwe ne mbasuubiza okugibawa. Tewalibaawo n'omu ku bo
abannyoomye aligirabako.
24 Naye olwokubanga omuweereza wange Kalebu alina omwoyo
ogw'enjawulo era ng'angoberera n'omutima gwe gwonna, ndimuleeta mu
nsi gye yatumibwamu, n'ezzadde lye lirigirya.
25 Kale nno olwokubanga Abamaleki n'Abakanani babeera mu biwonvu;
enkya muddeeko emabega, musitule mutambule nga mwolekera eddungu
nga mukutte ekkubo eriraga ku Nnyanja Emyufu."
26 MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
27 "Ekibiina kino ekibi kirituusa ddi nga kinneemulugunyiza? Mpulidde
okutolotooma kw'abaana ba Isirayiri nga banneemulugunyiza.
28 Bategeeze nti, 'MUKAMA agambye nti, Nga bwe ndi omulamu,
bw'ayogera MUKAMA Katonda, ebyo bye mpulidde nga mwogera, nange
bye ndibakola.
29 Mulifiira mu ddungu muno n'emirambo gyammwe mwe girisigala;
mwenna abawezezza emyaka amakumi abiri n'okusingawo egy'obukulu
nga bwe mwamala okubalibwa, abanneemulugunyiza.

30 Tewaliba n'omu ku bo aliyingira mu nsi gye neelayirira nti ge
galibeera amaka gammwe, okuggyako Kalebu mutabani wa Yefune ne
Yoswa mutabani wa Nuuni.
31 Naye abaana bammwe abato, be mwogeddeko nti balifuulibwa
omunyago, ndibayingiza mu nsi eyo gye mugaanye ne beeyagalira omwo.
32 Naye mmwe, emirambo gyammwe girisigala mu ddungu muno mwe
girigwa.
33 Mmwe olw'obutabeera beesigwa, abaana bammwe balimala emyaka
amakumi ana mu ddungu nga bwe balunda ebisibo byabwe okutuusa
omulambo gw'oyo alisembayo okufa lwe guliziikibwa mu ddungu muno.
34 Nga bwe mwamala ennaku amakumi ana nga muketta ensi eri,
bwe mutyo bwe mujja okumala emyaka amakumi ana mu ddungu, nga
buli lumu ku nnaku ezo muvaamu mwaka gumu gumu; muboneebone
olw'ebibi byammwe, mulyoke mutegeere obuzibu obw'okunneesimbamu.
35 Nze, MUKAMA Katonda, nkyogedde; ddala ddala ekyo ndikikola ku kibi-
ina kyonna eky'abantu bano aboonoonyi abeegasse awamu okunjolekera.
Tebagenda kuva mu ddungu lino, bonna mwe balifiira.' "
36 Abasajja abo Musa be yatuma okuketta ensi ne bakomawo ne
beemulugunyiza ekibiina ky'abantu bonna nga babaleetedde obubaka
obutaali bulungi ku nsi eri, era ne babubunyisa mu bantu,
37 abasajja abo abaaleeta obubaka obutaali bulungi ne babubunyisa mu
bantu kawumpuli n'abattira awo mu maaso ga MUKAMA Katonda.
38 Mu basajja bonna abaatumibwa okuketta ensi, Yoswa mutabani wa
Nuuni ne Kalebu mutabani wa Yefune be bokka abaasigalawo nga balamu.

### *Abayisirayiri Bawangulwa mu Lutalo e Koluma*

39 Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri bonna ebigambo ebyo, ne
bakungubaga nnyo.
40 Enkeera mu makya ne bambuka mu nsi ey'ensozi. Ne boogera nti,
"Twayonoona, naye nga bwe tuli wano tujja kwambuka tuyingire mu nsi
MUKAMA Katonda gye yatusuubiza."
41 Naye Musa n'abagamba nti, "Lwaki munyooma ekiragiro kya MUKAMA
Katonda? Ebyo bye mutegeka tebiyinza kutuukiririra.
42 Temwambuka kubanga MUKAMA Katonda tali nammwe. Abalabe
bammwe bajja kubawangula.
43 Kubanga Abamaleki n'Abakanani bajja kuboolekera. Olwokubanga
mwekyusizza ne muva ku MUKAMA Katonda, tajja kubeera nammwe,
ekitala kijja kubatta."
44 Naye era bo ne beesigula ne bambuka mu nsi ey'ensozi,
newaakubadde nga Musa teyagenda nabo era nga n'essanduuko
ey'endagaano yasigala mu lusiisira.
45 Awo Abamaleki n'Abakanani abaabeeranga mu nsi eyo ey'ensozi ne
bakkirira ne babalumba ne babakubira ddala okubatuusa e Koluma.

## 15

### *Amateeka ku Biweebwayo*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa
2 ayogere n'abaana ba Isirayiri abagambe nti, "Bwe mutuukanga mu nsi
gye mbawadde, mwe munaabeeranga, nga ge maka gammwe,
3 ne muleetera MUKAMA Katonda ebiweebwayo ebyokye nga mubiggya
mu biraalo byammwe oba mu bisibo byammwe, ekiweebwayo ku muliro

oba ssaddaaka enjokye, okutuukiriza obweyamo bwammwe oba ebiweebwayo olw'okweyagalira oba ku mbaga zammwe entongole, ne muvaamu akawoowo akasanyusa MUKAMA;
4 kale nno oyo anaaleetanga ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda anaawangayo ekiweebwayo eky'emmere y'empeke eweza nga kilo emu n'ekitundu ez'obuwunga obulungi, nga mutabuddwamu n'amafuta ag'omuzeeyituuni agaweza nga obutundu mwenda obwa Ini* ey'amafuta ag'omuzeeyituuni.
5 Ku buli mwana gwa ndiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa oba ogwa ssaddaaka, munaateekerateekerangako obutundu mwenda obwa Ini ey'envinnyo nga kye kiweebwayo ekyokunywa.
6 "Bwe munaabanga muwaayo endiga ennume munaateekateekanga ekiweebwayo eky'emmere y'empeke eweza nga kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu obwa Ini ez'obuwunga obulungi nga mutabuddwamu n'amafuta ag'omuzeeyituuni ag'obutundu mwenda n'obutundu bubiri obwa Ini,
7 era n'obutundu mwenda n'obutundu bubiri obwa Ini obw'envinnyo nga kye kiweebwayo ekyokunywa, eky'akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda.
8 "Bwe munaabanga muteekateeka ente ennume ento ey'ekiweebwayo ekyokebwa oba ssaddaaka, okutuukiriza obweyamo, oba ekiweebwayo olw'emirembe eri MUKAMA Katonda,
9 ku nte eyo ennume munaaleeterangako ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke eweza gulaamu mukaaga n'ekitundu ez'obuwunga obulungi nga mutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni agaweza kilo emu n'ekitundu.
10 Era munaaleetanga envinnyo eweza lita bbiri nga kye kiweebwayo ekyokunywa. Kinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa mu muliro ne kivaamu akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda.
11 Buli nte ennume oba endiga ennume, na buli mwana gwa ndiga oba embuzi ento, zonna zinaateekebwateekebwanga mu ngeri eyo.
12 Munaakolanga bwe mutyo ku buli gye munaateekateekanga nga bwe zinenkananga obungi.
13 "Buli nzaalwa yenna kimusaanira okugobereranga enkola eyo buli lw'anaaleetanga ekiweebwayo ekyokebwa ku muliro, ne kivaamu akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda.
14 Mu mirembe gyammwe gyonna egirijja, omugwira oba omugenyi yenna anaabeeranga mu mmwe bw'anaaleetanga ekiweebwayo ekyokebwa ku muliro ekivaamu akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda, anaakoleranga ddala nga bwe mukola.
15 Ekibiina kyammwe kyonna kinaabeeranga n'amateeka geegamu, mmwe ge munaakwatanga era n'abagwira abali mu mmwe ge banaakwatanga; eryo linaabanga etteeka ery'enkalakkalira mu mirembe gyammwe gyonna egirijja. Mmwe nga bwe muli n'omugwira bw'atyo bw'anaabanga mu maaso ga MUKAMA Katonda.
16 Amateeka n'ebiragiro bye munaakwatanga n'omugwira anaabeeranga mu mmwe by'anaakwatanga."
17 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
18 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, 'Bwe muyingiranga mu nsi mwe mbatwala,

* **15:4** Ini ze lita nnya

19 ne mulya ku mmere y’omu nsi omwo, munaaleetangako ekitundu nga kye kiweebwayo eri Mukama.

20 Munaggyanga ekitole ku mmere gye munaasookanga okusa mu gguuliro ne mukireeta nga kye kiweebwayo ekivudde mu gguuliro.

21 Ku mmere eyo gye munaasookerangako okusa munaaleetangako ekiweebwayo ekyo eri Mukama Katonda okuyita mu mirembe gyammwe gyonna.’

### *Ebiweebwayo olw’Ebibi Ebikolebwa mu Butagenderera*

22 “Naye nno bwe munaalemwanga okukwata amateeka ago gonna Mukama Katonda g’awadde Musa, nga mukikoze mu butagenderera,

23 amateeka ago gonna Mukama Katonda ge yalagira Musa okugabatuusaako okuva ku lunaku Mukama lwe yagamuweerako n’okweyongerayo okuyita mu mirembe gyammwe gyonna egigenda okujja,

24 ne mugasobya mu butagenderera n’ekibiina kyonna mu butamanya, kale nno ekibiina kyonna kinaaleetanga ekiweebwayo eky’ente ya sseddume ento emu nga kye kiweebwayo ekyokebwa, omuva akawoowo akalungi eri Mukama Katonda, nga kuliko n’ekiweebwayo ky’emmere y’empeke n’ekyokunywa ng’etteeka bwe liragira, n’ekiweebwayo eky’embuzi ennume emu olw’ekibi.

25 Kabona anaatangiririranga ekibiina ky’abaana ba Isirayiri bonna, era bwe batyo banaasonyiyibwanga; kubanga baasobya mu butagenderera, ate banaabanga baleese ekiweebwayo eri Mukama Katonda ekyokebwa ku muliro, era n’ekiweebwayo eri Mukama Katonda olw’ekibi olw’ekisobyo kyabwe ekitaali kigenderere.

26 Ekibiina ky’abaana ba Isirayiri bonna, bwe batyo banaasonyiyibwanga, n’abagwira abanaabeeranga mu bo nabo banaasonyiyibwanga, kubanga abantu bonna banaabanga basoberezza wamu nga tebagenderedde.

27 “Naye omuntu bw’anaasobyanga ng’ali bw’omu mu butagenderera, anaaleetanga embuzi enduusi ey’omwaka gumu ogw’obukulu nga kye kiweebwayo olw’ekibi.

28 Kabona anaatangiririranga, eri Mukama, omuntu oyo asobezza mu butagenderera; bw’anaamalanga okutangiririrwa, anaasonyiyibwanga.

29 Munaabeeranga n’etteeka lye limu erinaakozesebwanga ku muntu yenna anaasobyanga nga tagenderedde, bw’anaabanga enzaalwa oba ne bw’anaabanga omugwira bulijjo abeera mu mmwe.

30 “Naye buli muntu anaakolanga ekibi mu bugenderevu, bw’anaabanga enzaalwa ne bw’anaabeeranga omugwira abeera mu mmwe, omuntu oyo anaabanga avvodde Mukama Katonda, noolwekyo anaagobwanga mu bantu be, ne bamwesalirako ddala.

31 Olwokubanga anaabanga anyoomye ekigambo kya Mukama Katonda, n’amenya etteeka lye, omuntu oyo anaagoberwanga ddala okuva mu bantu be, ne bamwesalirako ddala, era ekibi kye ekyo kinaasigalanga ku mutwe gwe.”

### *Amenya Etteeka lya Ssabbiiti Anattibwanga*

32 Abaana ba Isirayiri bwe baali nga bakyali mu ddungu, ne basisinkana omusajja omu ku b’omu kibiina ky’Abayisirayiri eyali atyaba enku ku lunaku lwa Ssabbiiti.

33 Abo abaamusanga ng’atyaba enku ne bamuleeta eri Musa ne Alooni n’ekibiina kyonna,

34 ne bamuggalira mu kkomera, kubanga baali tebamanyi bulungi kya kumukolera.

35 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Omusajja oyo ateekwa
kuttibwa. Ekibiina kyonna kimukubire amayinja ebweru w'olusiisira."
36 Ekibiina kyonna ne kimufulumya wabweru w'olusiisira ne kimukuba
amayinja n'afa, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

### *Amatanvuuwa ag'Okujuukirirangako*

37 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
38 "Yogera eri abaana ba Isirayiri obalagire beekolere amatanvuuwa
bagatungenga ku nkugiro z'ebyambalo byabwe mu mirembe gyabwe
gyonna, era ku buli ttanvuuwa batungengako akaguwa aka bbululu.
39 Amatanvuuwa ago munaagatunulangako, ekyo ne kibajjukiza ama-
teeka ga MUKAMA Katonda gonna ge musaanira okugonderanga, mulyoke
mugagobererenga mulemenga okweyonoonyesa nga mukola ebyo ebitali-
imu nsa byokka nga bye bisanyusa amaaso gammwe n'emitima gyammwe.
40 Bwe mutyo munajjukiranga amateeka gange ne mubeera batukuvu
eri Katonda wammwe.
41 Nze MUKAMA Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri,
okubeeranga Katonda wammwe; Nze MUKAMA Katonda wammwe."

## 16

### *Okwewaggula kwa Koola ne Dasani ne Abiraamu*

1 Lwali lumu, Koola mutabani wa Izukali, mutabani wa Kokasi,
mutabani wa Leevi, ne bano abava mu Lewubeeni, Dasani ne Abiraamu
batabani ba Eriyaabu, awamu ne Oni mutabani wa Peresi, bonna ne
beewaggula
2 ne basituka ne boolekera Musa. Baali ne bannaabwe abasajja
Abayisirayiri ebikumi bibiri mu ataano, abaali abamanyifu ennyo mu
baana ba Isirayiri era nga bakiise mu Lukiiko Olukulu.
3 Ne bajjira wamu nga beekobaanye okwolekera Musa ne Alooni ne
babagamba nti, "Mwekulumbaza nnyo! Ekibiina kyonna, buli omu mu kyo
mutukuvu, ne MUKAMA Katonda ali nabo. Kale, lwaki mwekulumbaliza ku
kibiina ky'abantu ba MUKAMA?"
4 Musa bwe yakiwulira n'avuunama wansi.
5 N'alyoka agamba Koola ne bonna abaali naye nti, "Enkya MUKAMA Ka-
tonda anaalondamu ababe, n'oyo omutukuvu, era anaasembeza omuntu
oyo gy'ali. Oyo gw'anaalonda gw'anaasembeza gy'ali.
6 Gwe Koola n'abagoberezi bo bonna mukole bwe muti: Muddire
ebyoterezo,
7 enkya mubiteekemu omuliro n'obubaane awali MUKAMA, oyo MUKAMA
Katonda gw'anaalondamu, nga ye mutukuvu. Mmwe batabani ba Leevi
mwekulumbazizza nnyo!"
8 Musa n'agamba Koola nti, "Muwulirize, mmwe batabani ba Leevi!
9 Mukiraba nga kitono nnyo tekibamala, Katonda wa Isirayiri okubaawu-
lako n'abaggya ku kibiina ekinene eky'abaana ba Isirayiri n'abasembeza
w'abeera okukolanga omulimu gwa MUKAMA mu Weema ya MUKAMA,
n'okuyimiriranga mu maaso g'ekibiina n'okubaweereza?
10 Mmwe ne Baleevi bannammwe MUKAMA Katonda yabasembeza gy'ali,
kaakano mwagala n'obwakabona nabwo mubulye?
11 Noolwekyo mmwe n'abagoberezi bammwe, mwesimbye ku MUKAMA
Katonda, era gwe mwolekedde. Kale Alooni naye ye ani, mmwe
okumwemulugunyiza?"

12 Awo Musa n'atumya Dasani ne Abiraamu batabani ba Eriyaabu
bayitibwe bajje. Naye ne bagamba nti, "Tetujja kujja!
13 Eky'okutuggya mu nsi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki oku-
tuttira mu ddungu, kyali kitono nga tekimala? Ne kaakano oyagala
okutwefuulirako omulangira otufuge?
14 Ng'ebyo bikyali awo, totuleese mu nsi ekulukuta amata n'omubisi
gw'enjuki, wadde okutusikiza amasamba n'ennimiro z'emizabbibu.
Abasajja bano oyagala obasibe kantuntunu ku maaso obalimberimbe?
Nedda, tetujja kujja."

### *Musa Asabira Abantu*

15 Awo Musa n'asunguwala nnyo n'agamba Mukama Katonda nti,
"Ekiweebwayo kyabwe tokikkiriza. Tewaliiwo gwe nnali ntutteko wadde
akalogoyi akamu, so tewali n'omu ku bo gwe nnali mpisizza obubi."
16 Musa n'agamba Koola nti, "Ggwe n'abo bonna abakugoberera, enkya
mujje awali Mukama Katonda, ggwe nabo ne Alooni.
17 Buli musajja ajje n'ekyoterezo kye akiteekemu obubaane, ebyoterezo
bijja kuwera ebikumi bibiri mu ataano, mubireete awali Mukama. Ggwe
ne Alooni nammwe mujja kuleeta ebyoterezo byammwe."
18 Awo buli musajja n'addira ekyoterezo kye n'akissaamu obubaane
n'omuliro, bonna ne bayimirira ne Musa ne Alooni ku mulyango gwa
Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
19 Koola bwe yamala okukuŋŋaanya abagoberezi be abavuganya, ku
mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ekitiibwa kya Mukama
Katonda ne kyeraga eri ekibiina kyonna ekyali kikuŋŋaanye.
20 Mukama Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
21 "Mweyawuleko muve mu kibiina kino ndyoke nkizikirize embagi-
rawo."
22 Naye Musa ne Alooni ne bavuunama amaaso gaabwe wansi ne
bagamba nti, "Ayi Katonda, Katonda ow'emyoyo egy'abantu bonna,
omuntu omu bw'ayonoona, osunguwalira ekibiina kyonna?"
23 Mukama Katonda n'agamba Musa nti,
24 "Muve okumpi n'eweema eza Koola ne Dasani ne Abiraamu."

### *Ekibonerezo ky'Abajeemu*

25 Awo Musa n'asituka n'agenda eri Dasani ne Abiraamu,
n'abakulembeze ba Isirayiri ne bagenda naye nga bamugoberera.
26 N'agamba ekibiina kyonna nti, "Musembereeyo muve okumpi
n'eweema z'abasajja bano abakozi b'ebibi! Temukwata ku kintu kyabwe
n'ekimu, sikulwa nga mwenna muzikirizibwa olw'ebibi byabwe."
27 Bwe batyo ne basemberayo ne bava okumpi n'eweema za Koola,
ne Dasani, ne Abiraamu. Dasani ne Abiraamu baali nga bafulumye mu
weema zaabwe nga bayimiridde mu miryango gyazo, nga bali ne bakazi
baabwe, ne batabani baabwe, n'obwana bwabwe obuto.
28 Awo Musa n'agamba nti, "Ku kino kwe munaategeerera nga
Mukama Katonda y'antumye okukola ebintu bino byonna so tekubadde
kutetenkanya kwange.
29 Singa abasajja bano bafa olumbe olwa bulijjo, oba kugwibwako ebyo
ebya bulijjo ebigwa ku bantu bonna, kinaaba kitegeeza nti Mukama si
y'antumye.
30 Naye singa Mukama Katonda aleetawo ekintu ekiggya ddala ekitali
kya bulijjo, ensi n'eyasamya akamwa kaayo n'ebamira nga balamu

n’ebintu byabwe byonna, ne bagwa wansi mu gunnya oguwanvu, kale nno munaategeera ng’abasajja abo banyoomodde Mukama Katonda.”

31 Awo bwe yali nga yakamala okwogera ebigambo ebyo, ettaka bali kwe baali bayimiridde ne lyabikamu wabiri,

32 ensi n’eyasamya akamwa kaayo n’ebamira n’ebintu byabwe byonna eby’omu maka gaabwe, ne basajja ba Koola bonna n’ebintu byabwe byonna.

33 Baagwayo wansi mu gunnya nga balamu, n’ebintu byabwe byonna bye baalina; ensi n’ebabuutikira, ne basaanirawo ddala okuva mu bannaabwe.

34 Abayisirayiri bonna abaaliwo bwe baabawulira nga bakaaba ne badduka nga bwe bagamba nti, “Si kulwa nga naffe ensi etumira!”

35 Olwo omuliro ne gujja nga guva eri Mukama ne gwokera ddala abasajja ebikumi ebibiri mu ataano abaali bawaayo ekiweebwayo eky’obubaane.

36 Awo Mukama Katonda n’agamba Musa nti,

37 “Gamba Eriyazaali mutabani wa Alooni kabona aggye ebyoterezo mu muliro, kubanga bitukuvu, amanda ag’omuliro agasaasaanyize wala.

38 Ebyoterezo ebyo bya basajja abaayonoona era n’okufa ne bafa; noolwekyo biweesebwemu amasowaane gakozesebwenga ng’ebibikka ku kyoto kubanga baabiwaayo eri Mukama Katonda; noolwekyo bitukuvu. Kale binaabanga kabonero ka kijjukizo eri abaana ba Isirayiri.”

39 Bw’atyo Eriyazaali kabona n’addira ebyoterezo eby’ekikomo, ebyali biweereddwayo bali abaayokebwa, ne biweesebwamu ebibikka ku kyoto,

40 kiyambe abaana ba Isirayiri okujjukiranga nti omuntu atali kabona, atava mu lulyo lwa Alooni, taasemberenga kumpi na kyoto okunyookeza obubaane eri Mukama, si kulwa ng’afuuka nga Koola n’ekibiina kye. Eriyazaali bw’atyo bwe yabikola byonna ng’ekiragiro kya Mukama Katonda bwe kyali kye yayisa mu Musa.

### *Kawumpuli mu Bantu*

41 Naye enkeera ekibiina kyonna eby’abaana ba Isirayiri ne beemulugunyiza Musa ne Alooni, nga bagamba nti, “Musse abantu ba Mukama Katonda.”

42 Kyokka ekibiina ky’abantu bwe baakuŋŋaana okusoomooza Musa ne Alooni ne bakyuka okwolekera Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu, amangwago ekire ne kigibikka n’ekitiibwa kya Mukama Katonda ne kyeyoleka.

43 Musa ne Alooni ne balaga ku mulyango gwa Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu,

44 Mukama n’agamba Musa nti,

45 “Muve mu bantu bano ndyoke mbazikirize embagirawo.” Ne bavuunama wansi.

46 Awo Musa n’agamba Alooni nti, “Ddira ekyoterezo kyo okisseemu obubaane, n’omuliro ng’oguggya mu kyoto kya Mukama, oyanguwe ogende mu kibiina obatangiririre. Kubanga obusungu bubuubuuse okuva eri Mukama Katonda era kawumpuli atandise.”

47 Alooni n’akola nga Musa bwe yamulagira, n’adduka n’agenda wakati mu kibiina. Yasanga kawumpuli yatandise dda mu bantu, naye Alooni n’awaayo eri Mukama Katonda obubaane okubatangiririra;

48 n’ayimirira wakati w’abafu n’abalamu, kawumpuli n’aziyizibwa.

[49] Bwe kityo abantu abaafa kawumpuli baawera omutwalo gumu mu enkumi nnya mu lusanvu, nga bali abaafa olw'emitawaana gya Koola tobataddeeko.
[50] Alooni n'akomawo eri Musa mu mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga kawumpuli amaze okuziyizibwa.

# 17

*Okutojjera kw'Omuggo gwa Alooni*

[1] Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
[2] "Tegeeza abaana ba Isirayiri baleete emiggo kkumi n'ebiri nga gireetebwa abakulembeze baabwe mu buli kika, omuggo gumu buli kika. Owandiike erinnya lya buli musajja ku muggo gwe gw'aleese.
[3] Wandiika erinnya lya Alooni ku muggo oguvudde mu kika kya Leevi. Kubanga buli mukulembeze w'ekika ky'obujjajja ajja kubeera n'omuggo ggumu.
[4] Olyoke ogiteeke mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu mu maaso g'Essanduuko ey'Endagaano, we mbasisinkana.
[5] Kale nno omuggo gw'oyo gwe nnaalonda gujja kutojjera; bwe ntyo nzija kusirisa okukwemulugunyiza kuno okutatadde okw'abaana ba Isirayiri."
[6] Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri; abakulembeze baabwe ne bamuleetera emiggo, buli mukulembeze omuggo gumu gumu, ng'ebika by'obujjajjaabwe bwe byali, okugatta gyonna gy'emiggo kkumi n'ebiri, nga n'omuggo gwa Alooni mwe guli.
[7] Musa n'ateeka emiggo egyo mu maaso ga MUKAMA Katonda mu Weema ya MUKAMA ey'Endagaano.
[8] Awo bwe bwakya enkya Musa n'ayingira mu Weema ya MUKAMA awali Essanduuko ey'Endagaano, era laba, ng'omuggo gwa Alooni ow'omu kika kya Leevi nga gutojjedde nga guliko n'obutabi obuto, nga gutaddeko n'ebibala ebyengedde.
[9] Musa n'afulumya emiggo gyonna ng'agiggya mu maaso ga MUKAMA Katonda, n'agireeta awali abaana ba Isirayiri; ne bagitunuulira, buli omu n'aggyawo omuggo gwe.
[10] MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Omuggo gwa Alooni guzzeeyo awali Essanduuko ey'Endagaano gukuumirwenga awo ng'akabonero ak'okulabulanga abajeemu. Ekyo kinaasirisa okunneemulugunyiza, balyoke bawone okufa."
[11] Musa n'akola nga MUKAMA bwe yamulagira.
[12] Awo abaana ba Isirayiri ne bagamba Musa nti, "Laba, ffenna tujja kufa! Tujja kuggwaawo, tujja kuzikirira.
[13] Buli muntu anaasembereranga Eweema ya MUKAMA ajjanga kufa. Ffenna tuli ba kuzikirira?"

# 18

*Emirimu gya Bakabona n'egy'Abaleevi*

[1] Awo MUKAMA Katonda n'agamba Alooni nti, "Ggwe, ne batabani bo, n'ab'omu kika kyo bonna, mmwe munaavunaanyizibwanga olw'emisango eginazzibwanga ku watukuvu; era ggwe ne batabani bo mwekka mmwe muneetikkanga obuvunaanyizibwa ku misango eginazzibwanga ku bwakabona.

2 Onooleetanga Abaleevi banno ab'omu kika kyo eky'obujjajja ne babeegattako, ggwe ne batabani bo, okubayambanga bwe munaabanga muweereza mu Weema ya MUKAMA ey'Endagaano.

3 Banaaweererezanga wansi wo nga bakola emirimu gyonna egy'omu Weema ya MUKAMA; naye beekuumenga balemenga okusemberera ekyoto wadde eby'omu watukuvu byonna; bwe balikikola, bo naawe mugenda kufa.

4 Bagenda kukwegattako, balabirirenga Weema ya MUKAMA ey'Okukuŋŋaanirangamu, nga bakola emirimu gyonna egy'omu Weema, era tewaabenga mugwira n'omu anaasemberanga we muli.

5 "Mmwe munaabanga n'obuvunaanyizibwa obw'emirimu gyonna egy'awatukuvu n'egy'Ekyoto, olwo obusungu buleme kuddamu kubuubuukiranga ku baana ba Isirayiri.

6 Kale weeteegereze: nziridde ab'omu lulyo lwo olw'Abaleevi nga mbalonze mu baana ba Isirayiri, ne mbakukwasa ng'ekirabo ekiweereddwayo eri MUKAMA Katonda okukolanga emirimu egy'omu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.

7 Naye ggwe ne batabani bo mwekka mmwe munaakolanga emirimu gyonna egy'obwakabona bwammwe egikwata ku kyoto n'egy'omunda w'eggigi. Obuweereza obw'Obwakabona mbubawadde ng'ekirabo. Omuntu yenna omulala anaasemberanga okumpi n'awatukuvu, anaafanga."

### *Omugabo gwa Bakabona n'ogw'Abaleevi*

8 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Alooni nti, "Laba, Nze kennyini nkukwasizza ebiweebwayo byonna ebireetebwa gye ndi; ebiweebwayo byonna ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banandeeteranga mbikuwadde ggwe ne batabani bo nga gwe mugabo gwammwe ogw'olubeerera*.

9 Ku biweebwayo byonna ebitukuvu ennyo ebitayokeddwa mu muliro kunaabangako ebibyo. Omugabo gwo ne batabani bo gunaavanga ku birabo ebitukuvu ennyo abaana ba Isirayiri bye banandeeteranga: ebiweebwayo eby'emmere y'empeke oba ebiweebwayo olw'ekibi, oba ebiweebwayo olw'omusango.

10 Omugabo ogwo onooguliiranga mu kifo ekitukuvu ennyo, era buli musajja anaagulyangako. Osaana okitegeere ng'ebyo bitukuvu nnyo.

11 "Bino nabyo binaabanga bibyo: ku birabo bye banandeeteranga, n'ebiweebwayo ebiwuubibwawuubibwa eby'abaana ba Isirayiri. Ebyo mbikuwadde ne batabani bo ne bawala bo okuba omugabo gwo ogw'olubeerera. Buli muntu yenna ow'omu maka go omulongoofu anaalyangako.

12 "Nkuwadde ku mafuta ag'omuzeeyituuni agasinga obulungi ne ku wayini omusu, ne ku mmere y'empeke embereberye bye baleetera MUKAMA eby'amakungula gaabwe.

13 Ebibala ebinaasookanga okwengera mu nnimiro zaabwe, bye banaaleeteranga MUKAMA Katonda, binaabanga bibyo. Buli muntu yenna ow'omu maka go omulongoofu anaalyangako.

---

* **18:8** Abaleevi tebaalina mugabo gwonna mu Isirayiri. Abaleevi baalina ebibuga bitono n'ebifo mwe baalundiranga nga bitono. Kyokka bakabona bo tebaalina kintu. Abaleevi baafunanga empeera yaabwe okuva mu kimu eky'ekkumi ekyaweebwangayo Abayisirayiri (nny. 25-32). Abaleevi baafunanga ne ku ssaddaaka ezaweebwangayo abantu. Era ssaddaaka ezo baaziryanga n'ab'omu maka gaabwe ebweru w'awatukuvu (nny. 11).

14 “Buli kintu kyonna mu Isirayiri ekiweereddwayo ddala ne kiwongebwa eri Mukama kinaabanga kikyo.

15 Buli ekinaggulangawo enda y’omuntu oba ey’ekisolo, nga kyakuwaayo eri Mukama Katonda, kinaabanga kikyo. Naye omwana omubereberye ow’omuntu onoomununulanga, era n’embereberye ez’ensolo ezitali nnongoofu nazo onoozinunulanga.

16 Ebyo eby’okununula onoobinunulanga bimaze okuweza omwezi gumu ogw’obukulu. Onoobinunuliranga ku muwendo ogwagerekebwa ogwa gulaamu amakumi ataano mu ttaano, ng’ebipimo by’awatukuvu bwe biri.

17 “Naye embereberye ey’ente, oba embereberye ey’endiga oba ey’embuzi, ezo toozinunulenga, kubanga zo ntukuvu. Onoomansiranga omusaayi gwazo ku kyoto, n’oyokya amasavu gaazo mu muliro ng’ekiweebwayo ekyokebwa ekivaamu akawoowo akasanyusa Mukama Katonda.

18 Ennyama yaazo eneebanga yiyo ng’ekiweebwayo ky’ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n’ekisambi ekya ddyo bwe kiri ekikyo.

19 Ebiweebwayo byonna ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaaleeteranga Mukama, mbikuwadde, ggwe ne batabani bo, ne bawala bo, okubeeranga omugabo gwo ogw’olubeerera. Eneebeeranga endagaano ey’omunnyo eya Mukama wakati we naawe n’ezzadde lyo emirembe gyonna.”

20 Awo Mukama Katonda n’agamba Alooni nti, “Toobenga na byabusika mu nsi yaabwe, so toobenga na mugabo gwonna mu bo; Nze mugabo gwo era Nze busika bwo mu baana ba Isirayiri.

### *Ekitundu eky’ekkumi Okukiwa Abaleevi*

21 “Ebitundu eby’ekkumi byonna abaana ba Isirayiri bye banaaleetanga, mbiwadde Abaleevi okubeeranga omugabo gwabwe nga ye mpeera yaabwe olw’omulimu gwe bakola nga baweereza mu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu.

22 Era okuva leero abaana ba Isirayiri tebaasemberérenga Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu, si kulwa nga bakolerayo ebibi, ne bafa.

23 Abaleevi be banaakolanga emirimu egy’omu Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu, era be baneetikkanga obuvunaanyizibwa bwe banaakolerangayo ebibi. Lino linaabanga tteeka ery’enkalakkalira ne mu mirembe gyammwe gyonna egigenda okujja. Tebaafunenga byabusika mu baana ba Isirayiri.

24 Kubanga ebitundu eby’ekkumi abaana ba Isirayiri bye banaaleetanga ng’ekiweebwayo eri Mukama, mbiwadde Abaleevi okubeera omugabo gwabwe. Noolwekyo tebaabenga na byabusika mu baana ba Isirayiri.”

### *Ekitundu eky’Ekkumi Abaleevi kye baawangayo*

25 Mukama Katonda n’agamba Musa nti,

26 “Yogera n’Abaleevi obagambe nti, ‘Bwe munaafunanga ebitundu eby’ekkumi, bye mbawadde ng’omugabo gwammwe, nga mubiggya ku baana ba Isirayiri, munaggyangako ekitundu eky’ekkumi ne mukireeta nga kye kiweebwayo kyammwe eri Mukama Katonda.

27 Ekiweebwayo kyammwe kinaabalibwanga ng’emmere y’empeke ey’omu gguuliro oba ng’omubisi ogw’omu ssogolero.

28 Mu ngeri eyo nammwe munaaleetanga ekiweebwayo eri Mukama Katonda nga mukiggya ku bitundu eby’ekkumi bye munaafunanga ku

baana ba Isirayiri. Ku bitundu ebyo eby'ekkumi kwe munaggyanga ekiweebwayo kya MUKAMA ne mukikwasa Alooni kabona.
29 Mu birabo ebyo byonna bye banaabawanga munaggyangako ek-
isingira ddala obulungi era ekitukuvu ennyo ne mukireeta nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda.'
30 "Abaleevi bagambe nti, 'Bwe munaawangayo ebitundu ebisinga obulungi, binaababalirwangako ng'ebivudde mu gguuliro n'ebivudde mu ssogolero.
31 Mmwe n'ab'omu maka gammwe munaayinzanga okubiriira wonna we munaayagalanga, kubanga eneebeeranga mpeera yammwe olw'omulimu gwe munaakolanga mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
32 Bwe munaawangayo ebisingira ddala obulungi, tewaabengawo mu-
sango gwonna gwe munaabanga muzzizza; bwe mutyo ebiweebwayo ebitukuvu eby'abaana ba Isirayiri munaabanga temubivumisizza, muleme okufa.' "

## 19

*Okutukuza Atali Mulongoofu*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti,
2 "Kino kye kiragiro eky'etteeka MUKAMA ky'alagidde: Gamba abaana ba Isirayiri bakuleetere ente enduusi eya lukunyu eteriiko kamogo wadde ekikyamu kyonna, era nga tesibibwangamu kikoligo.
3 Ogiwanga Eriyazaali kabona; eneetwalibwanga ebweru w'olusiisira n'ettirwa mu maaso ge.
4 Eriyazaali anaddiranga ku musaayi gwayo n'olunwe lwe n'agumansira okwolekera obwenyi bwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu emirundi musanvu.
5 Ente eyo eneeyokerwanga mu maaso ge; ne bookya eddiba lyayo, n'ennyama yaayo, n'omusaayi gwayo n'obusa bwayo.
6 Kabona anaddiranga omuti omwerezi, n'ezobu n'olugoye olumyufu n'abisuula wakati mu nte eyokebwa.
7 Ebyo nga biwedde kabona anaayozanga ebyambalo bye n'anaaba omubiri gwe n'amazzi. Anaddangayo mu lusiisira, naye anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
8 N'omusajja anaayokyanga ente eyo, kinaamusaaniranga okwoza en-
goye ze n'okunaaba omubiri gwe n'amazzi, era naye anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
9 "Omusajja omulongoofu anaayoolanga evvu ly'ente, anaaliteekanga mu kifo ekirongoofu ebweru w'olusiisira. Linaalabirirwanga abaana ba Isirayiri ne balikozesanga mu mazzi ag'okwerongoosa; kwe kulon-
goosebwa okw'okuggibwako ekibi.
10 Omuntu oyo anaayoolanga evvu ly'ente, kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, era naye taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi. Eryo linaabanga etteeka ery'emirembe n'emirembe eri abaana ba Isirayiri n'eri bannamawanga abanaatuulanga mu bo.
11 "Buli anaakwatanga ku mulambo ogw'omuntu yenna, anaabanga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu.
12 Kinaamusaaniranga okwerongoosa n'amazzi ku lunaku olwokusatu ne ku lunaku olw'omusanvu, olwo n'alyoka abeera omulongoofu. Naye bw'ateerongoosenga ku lunaku olwokusatu ne ku lunaku olw'omusanvu, taabenga mulongoofu.

13 Buli anaakwatanga ku mulambo gw'omuntu n'ateelongoosa, anaabanga ayonoonye ennyumba ya MUKAMA Katonda. Omuntu oyo anaagobwanga mu Isirayiri. Kubanga teyamansirwako mazzi agalongoosa, anaabeeranga atali mulongoofu; obutali bulongoofu bwe bunaamusigalangako.
14 "Lino lye tteeka erikwata ku muntu anaafiiranga mu weema: Buli anaayingiranga mu weema omwo n'oyo anaabanga agirimu banaabanga abatali balongoofu okumala ennaku musanvu.
15 Buli kintu ekiterekwamu ekyasaamiridde ekitaliiko kisaanikira tekiibenga kirongoofu.
16 "Omuntu yenna ng'abadde ali ebweru mu kyererezi, n'akwata ku muntu attiddwa n'ekitala oba olumbe gwe lusse, oba omuntu yenna anaakwatanga ku ggumba ly'omuntu oba ku malaalo, anaabeeranga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu.
17 "Nga mukola ku muntu atali mulongoofu, munaatoolanga ku vvu ery'oku kiweebwayo olw'ekibi ne muliteeka mu bbakuli ne muliyiwako amazzi amalungi.
18 Omusajja omulongoofu anaddiranga ezobu n'aginnyika mu mazzi, n'agamansira ku weema ne ku bintu byamu byonna ne ku bantu bonna abanaabanga balimu. Era anaamansiranga ne ku muntu anaabanga akutte ku ggumba ery'omuntu, ne ku malaalo, ne ku muntu attiddwa, ne ku oyo afudde olumbe.
19 Omusajja omulongoofu anaamansiranga ku oyo atali mulongoofu ku lunaku olwokusatu ne ku lw'omusanvu, ne ku lunaku olw'omusanvu anaabanga amulongoosezza. Omuntu oyo alongoosebwa anaayozanga engoye ze mu mazzi, n'okunaaba n'anaaba yenna; era akawungeezi ako anaabeeranga mulongoofu.

### *Ekibonerezo eky'Obuteerongoosa*

20 "Naye omuntu atali mulongoofu bw'ateerongoosenga anaagobwanga mu banne bonna, n'asalibwa ku kibiina kyabwe, kubanga anaabeeranga ayonoonye awatukuvu wa MUKAMA Katonda. Amazzi agalongoosa nga tegamumansiddwako, taabeerenga mulongoofu.
21 Eryo linaabanga tteeka lyabwe lya mirembe gyonna. Oyo anaamansiranga amazzi ag'obulongoofu, naye anaayozanga engoye ze, n'oyo anaakwatanga ku mazzi ag'okulongoosa anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
22 Buli kintu atali mulongoofu ky'akwatako, kinaabanga ekitali kirongoofu; na buli anaakikwatangako anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi."

## 20

### *Amazzi Okuva mu Lwazi*

1 Mu mwezi ogw'olubereberye, ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri, ne batuuka mu ddungu lya Zini, ne batuula mu Kadesi. Miryamu n'afiira eyo, era gye yaziikibwa.
2 Awo ekibiina kyonna ne kitaba na mazzi. Abantu bonna ne beekuŋŋanyiza ku Musa ne Alooni.
3 Ne bayombesa Musa nga bagamba nti, "Singa nno naffe twafa, baganda baffe bwe baafiira mu maaso ga MUKAMA Katonda!

4 Lwaki waleeta ekibiina kya MUKAMA Katonda kino mu ddungu tulyoke tufiire wano n'ebisibo byaffe?
5 Lwaki watuggya mu nsi y'e Misiri okutuleeta mu kifo kino ekibi bwe kiti? Tekiriimu mmere ya mpeke wadde ttiini, so si kifo kya mizabbibu, so si kya mikomamawanga. Tewali na mazzi ge tuyinza kunywako!"
6 Awo Musa ne Alooni ne bava mu maaso g'ekibiina ky'abantu ne balaga ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne bavuunama wansi. Ekitiibwa kya MUKAMA Katonda ne kibalabikira.
7 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
8 "Twala omuggo, ggwe ne muganda wo Alooni mukuŋŋaanye ekibiina kyonna. Lagira olwazi nga n'ekibiina kyonna kiraba, lujja kufukumula amazzi. Bw'otyo obaggire amazzi mu lwazi, basobole okunywako, era banywese n'ebisibo byabwe."
9 Musa n'aggya omuggo awali MUKAMA n'agutwala nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira.
10 Musa ne Alooni ne bakuŋŋanyiza ekibiina ky'abantu bonna awali olwazi, Musa n'agamba abantu nti, "Mumpulirize, mmwe abajeemu; kitugwanidde ffe okubaggyira amazzi mu lwazi luno?"
11 Awo Musa n'ayimusa omukono gwe n'akuba olwazi n'omuggo gwe emirundi ebiri. Amazzi mangi ne gafukumuka okuva mu lwazi, abantu bonna mu kibiina ne banywa, n'ebisibo byabwe nabyo ne binywa.
12 Naye MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti, "Olwokubanga temunneesize, ne mutampa kitiibwa, ne mutalaga kibiina kino eky'abaana ba Isirayiri nga bwe ndi omutukuvu, noolwekyo temugenda kutuusa kibiina ky'abantu bano mu nsi gye mbasuubizza okubawa."
13 Ago ge mazzi ag'e Meriba, abaana ba Isirayiri gye baayombera ne MUKAMA, era ne MUKAMA Katonda gye yeeragira mu bo nga mutukuvu.

### *Edomu Obutawa Isirayiri Lukusa Kuyitawo*

14 Musa yatumira Kabaka wa Edomu ababaka ng'asinziira e Kadesi ng'amugamba nti,

"Muganda wo Isirayiri agamba bw'ati nti: Ebizibu byonna ebyatuukako obimanyi.

15 Omanyi nga bajjajjaffe bwe baaserengeta mu Misiri, ne tumalayo emyaka mingi. Abamisiri ne bayisa bubi bakadde baffe, era naffe;
16 naye bwe twakaabirira MUKAMA Katonda, yawulira okukaaba kwaffe, n'atutumira malayika n'atuggya mu nsi y'e Misiri. Kaakano tuli wano mu Kadesi, ekibuga ekiri ku nsalo n'ensi yo.
17 "Nkwegayirira otukkirize tuyite mu nsi yo. Tetuliyita mu birime wadde mu nnimiro z'emizabbibu, era tetugenda kunywa na ku mazzi agali mu nzizi. Tugenda kutambulira mu Luguudo lwa Kabaka Olunene, era tetugenda kuluvaamu kukyamako ku ludda olwa kkono oba olwa ddyo okutuusa nga tumaze okuva mu nsi yo."

18 Naye Edomu n'addamu nti,

"Tojja kuyita wano, bw'onookikola tujja kwesowolayo tukulumbe n'ekitala."

19 Abaana ba Isirayiri ne baddamu nti,

"Tujja kwambukira mu luguudo olunene mwokka, era ebisibo byaffe naffe bwe tunaanywa ku mazzi gammwe tujja kugasasulira. Twagala kuyitawo buyisi nga tutambuza bigere, tetwetaagayo kirala."

20 Naye Edomu n'addamu nti,

"Temuyitawo."

Edomu ne yeesowolayo n'eggye ddene nnyo era nga lya maanyi.
21 Bw'atyo Edomu n'agaana Isirayiri okuyitira mu matwale ge, Isirayiri
n'amuviira.

### *Okufa kwa Alooni*

22 Awo ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne basitula okuva e
Kadesi, ne batuuka ku lusozi Koola.
23 MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni, nga bali ku lusozi Koola
okuliraana n'ensalo y'ensi ya Edomu, nti,
24 "Alooni ajja kugenda abantu be bonna gye baalaga, kubanga tagenda
kuyingira mu nsi gye nzija okuwa abaana ba Isirayiri. Kubanga mwembi
mwajeemera ekiragiro kyange ku mazzi ag'e Meriba.
25 Leeta Alooni ne mutabani we Eriyazaali, obaleete ku lusozi Koola;
26 Alooni omwambulemu ebyambalo bye, obyambaze Eriyazaali muta-
bani we, kubanga Alooni ajja kufa agende abantu be bonna gye baalaga."
27 Musa n'akola nga MUKAMA bwe yamulagira; ne balinnya olusozi Koola
ng'abantu bonna mu kibiina balaba.
28 Musa n'ayambulamu Alooni ebyambalo, n'abyambaza Eriyazaali
mutabani wa Alooni. Alooni n'afiira awo ku ntikko y'olusozi. Musa ne
Eriyazaali ne baserengeta ne bakka wansi w'olusozi.
29 Abantu bonna mu kibiina bwe bategeera nga Alooni afudde, ab'omu
nnyumba ya Isirayiri bonna ne bakungubagira Alooni okumala ennaku
amakumi asatu.

# 21

### *Yaladi Kizikirizibwa*

1 Kabaka Omukanani ow'e Yaladi eyatuulanga mu bukiikaddyo,
n'awulira nga Isirayiri ajjira mu kkubo lya Asalimu, n'alumba Isirayiri
n'amulwanyisa n'awambamu abamu ku bo.
2 Awo Isirayiri ne yeeyama eri MUKAMA Katonda obweyamo buno
nti, "Bw'onoogabula abantu bano mu mukono gwaffe, ne tubawangula,
ebibuga byabwe tulibizikiririza ddala."
3 MUKAMA Katonda n'awulira okwegayirira kw'Abayisirayiri, Abakanani
n'abawaayo eri Abayisirayiri, ne bazikiriza ebibuga byabwe; ekifo ekyo ne
kituumibwa erinnya Koluma.

### *Omusota Ogw'Ekikomo*

4 Ne basitula okuva ku lusozi Koola, ne bakwata ekkubo eriraga ku
Nnyanja Emyufu, balyoke beetooloole ensi ya Edomu. Abantu nga bali
ku lugendo olwo ne batandika okuggwaamu obugumiikiriza.
5 Ne beemulugunyiza Musa ne Katonda nga boogera nti, "Lwaki
mwatuggya mu Misiri okufiira wano mu malungu? Kubanga temuli
mmere; so temuli mazzi; n'obumere buno bwe tufuna tubwetamiddwa."
6 Awo MUKAMA n'asindikira abantu emisota emikambwe egy'obusagwa,
ne gibojja abantu, era abaana ba Isirayiri bangi ne bafa.
7 Abantu ne bajja awali Musa, ne bamugamba nti, "Twayonoona
bwe twakwemulugunyiza ne twemulugunyiza ne MUKAMA Katonda, ne
tuboogerako bubi. Tusaba weegayirire MUKAMA atuggyeko emisota gino."
Musa n'asabira abantu.
8 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Kolayo omusota ogufaanana
nga giri emikambwe egy'obusagwa oguwanike ku mulongooti; buli
anaabojjebwanga omusota, n'agutunulako, anaawonanga."

9 Awo Musa n'aweesa omusota ogw'ekikomo, n'aguwanika ku mu-
longooti. Kale buli eyabojjebwanga omusota n'atunula ku musota
ogw'ekikomo, ng'awona, ng'aba mulamu.

### *Olugendo Olwabatuusa mu Mowaabu*

10 Awo abaana ba Isirayiri ne basitula ne batambula okutuuka mu
Yebosi, ne basiisira omwo.
11 Ne basitula okuva mu Yebosi ne batambula, ne basiisira mu Lye-
Abalimu, mu ddungu eryolekedde Mowaabu, ku luuyi olw'ebuvanjuba.
12 Bwe baava awo, ne batambula okulaga mu kiwonvu kya Zeredi, ne
basiisira omwo.
13 Ne bava awo, ne batambula ne basiisira emitala w'omugga Alunoni,
oguli mu ddungu erituuka ne ku nsalo ya Abamoli. Omugga Alunoni ye
nsalo ya Mowaabu, eyawula Mowaabu n'Abamoli.
14 Kyekyava kiwandiikibwa mu Kitabo ky'Entalo za MUKAMA Katonda,
nti,
"Zakabu ne Sufa,
n'ebiwonvu bya Alunoni,
15 n'obuserengeto bw'ebiwonvu
ebituuka ku kibuga kya Ali,
ne byesigama ku nsalo ya Mowaabu."
16 Bwe baava eyo ne batambula okutuuka e Beeri, olwo lwe luzzi MUKAMA
we yagambira Musa nti, "Abantu bonna bakuŋŋaanye, mbawe amazzi."
17 Isirayiri n'alyoka ayimba oluyimba luno, nti,
"Weetale, ggwe Oluzzi!
Muluyimbirire!
18 Muyimbe ku luzzi abalangira lwe baasima,
abakungu n'abantu lwe baayiikuula,
abakungu, emiggo gyabwe."
19 Ne bava mu ddungu ne batambula okutuuka e Matana. Bwe baava e
Matana ne balaga e Nakalieri, ne bava e Nakalieri ne balaga e Bamosi.
20 Bwe baava e Bamosi ne balaga mu kiwonvu ekiri mu matwale ga
Mowaabu wansi w'olusozi Pisuga, kw'osinziira okulengera eddungu.

### *Sikoni Awangulwa*

21 Awo Isirayiri n'atuma ababaka eri Sikoni kabaka w'Abamoli
ng'amugamba nti,
22 "Tukkirize tuyite mu nsi yo. Tetuliyita mu birime wadde mu
nnimiro z'emizabbibu, era tetugenda kunywa na ku mazzi agali mu
nzizi. Tugenda kutambulira mu Luguudo lwa Kabaka olunene mwokka
okutuusa lwe tuliva mu nsi yo."
23 Naye Sikoni n'atakkiriza Isirayiri kuyita mu nsi ye. N'akuŋŋaanya
eggye lye lyonna, n'agenda atabaale Isirayiri mu ddungu. Bwe yatuuka e
Yakazi n'alwana ne Isirayiri.
24 Isirayiri n'amufumita n'obwogi bw'ekitala, n'atwala ensi ye okuva ku
mugga Alunoni okutuuka ku mugga Yaboki, n'atuukira ddala ku Bamoni,
n'akoma awo, kubanga Abamoni baali ba maanyi nnyo ku nsalo yaabwe.
25 Isirayiri n'awamba ebibuga byonna eby'Abamoli n'abeera omwo, ne
Kesuboni n'akiwambiramu n'obubuga bwonna obwali bukyetoolodde.
26 Kesuboni kye kyali ekibuga ekikulu ekya Sikoni Kabaka w'Abamoli
kye yali awambye ng'amaze okulwana n'eyali kabaka wa Mowaabu
n'amuggyako ensi ye yonna okutuuka ku Alunoni.
27 Abayiiya ennyimba kyebaava bayimba nti,

“Mujje e Kesuboni kizimbibwe;
ekibuga kya Sikoni kizzibwewo.

28 “Omuliro gwafuluma mu Kesuboni,
ennimi z’omuliro ne ziva mu kibuga kya Sikoni.
Gwayokya Ali ekya Mowaabu,
n’abatuula mu nsozi za Alunoni.
29 Zikusanze, gwe Mowaabu!
Muzikirizibbwa, mmwe abantu ba Kemosi!
Batabani be abawaddeyo eri kabaka Sikoni ow’Abamoli
ne bafuuka ng’abanoonyi b’obubudamu
ne bawala be, ng’abawambe.

30 “Naye tubawangudde
Kesuboni azikiridde okutuukira ddala ku Diboni.
Tubafufuggazza okutuuka ku Nofa,
kwe kutuukira ddala ku Medeba.”

### *Ogi Awangulwa*

31 Bw’atyo Isirayiri n’atuula mu nsi y’Abamoli.

32 Musa bwe yamala okutuma abakessi e Yazeri, abaana ba Isirayiri
ne bawamba ebibuga ebyali bikyebunguludde, ne bagobamu Abamoli
abaabibeerangamu.

33 Ne bakyuka ne bambukira mu kkubo eriraga e Basani. Ogi kabaka w’e
Basani n’eggye lye lyonna ne yeesowolayo okubatabaala mu lutalo olwali
mu Ederei.

34 Mukama n’agamba Musa nti, “Tomutya; kubanga mugabudde mu
mukono gwo, n’eggye lye lyonna awamu n’ensi ye; omukole nga bwe
wakola Sikoni kabaka w’Abamoli eyafugiranga mu Kesuboni.”

35 Bwe batyo ne bamutta, ne batabani be, n’eggye lye lyonna, ne
batawonyaawo muntu n’omu*. Ensi ye ne bagirya.

## 22

### *Katonda Agaana Balamu Okugenda eri Balaki*

1 Awo abaana ba Isirayiri ne basitula, ne batambula ne basiisira mu
lusenyi lwa Mowaabu ku mugga Yoludaani okwolekera Yeriko.

2 Balaki mutabani wa Zipoli n’alaba byonna Isirayiri bye yali akoze
Abamoli.

3 Mowaabu n’atya nnyo kubanga abantu abo baali bangi nnyo.
Mowaabu okutya abaana ba Isirayiri ne kumusukkirira.

4 Awo Mowaabu n’agamba abakulembeze ba Midiyaani nti, “Ogubiina
gw’abantu bano bajja kulya byonna bye tuli nabyo ebitwetoolodde ng’ente
bw’erya n’esaanyaawo omuddo ogw’oku ttale.”

Balaki mutabani wa Zipoli, eyali kabaka wa Mowaabu mu biseera ebyo,

5 n’atuma ababaka eri Balamu mutabani wa Byoli, eyali mu Pesoli,
ekiriraanye Omugga, mu nsi y’ewaabwe, okumuyita ng’amugamba nti,

“Abantu bali wano, baavudde mu Misiri, basaanikidde ensi yonna we
batudde; basiisidde wano okunninaana.

---

* **21:35** Oluvannyuma lw’obuwanguzi obwo, Isirayiri yafuga ebuvanjuba bwa Yoludaani bwonna okuviira ddala mu Mowaabu okutuuka ku nsozi za Basani mu nsi y’e Kerumooni. Abayisirayiri baateranga okuyimba ennyimba n’okujaguza olw’okuwangula Sikoni ne Ogi (Zab 135:10-11; 136:19-20).

6 Kale nno, nkusaba ojje onkolimirire abantu bano, kubanga bampitiridde amaanyi. Oboolyawo lwe ndisobola okubawangula ne mbagoba mu nsi yange. Kubanga mmanyi nga gw'okolimira akolimirwa, ne gw'osabira omukisa aweebwa omukisa."

7 Awo ababaka abaatumibwa, abaali abakulembeze ba Mowaabu n'abakulembeze ba Midiyaani, ne basitula nga batutte n'ensimbi ez'okumusasula. Bwe baatuuka eri Balamu ne bamutegeeza obubaka Balaki bwe yabatuma.

8 Balamu n'abagamba nti, "Musule wano leero, nange nnaabatuusaako ekigambo MUKAMA ky'anaaba aŋŋambye." Bwe batyo abakungu abaava mu Mowaabu ne basula ewa Balamu.

9 Katonda n'ajja eri Balamu n'amubuuza nti, "Bantu ki bano abali naawe?"

10 Balamu n'addamu Katonda nti, "Balaki mutabani wa Zipoli, Kabaka wa Mowaabu ye yampeereza obubaka buno ng'agamba nti,

11 'Abantu abavudde mu Misiri basaanikidde ensi we batudde. Kale nno jjangu obankolimirire. Oboolyawo ekyo kiyinza okunsobozesa okubalwanyisa ne mbagoba mu nsi yange.' "

12 Naye Katonda n'agamba Balamu nti, "Togenda na bantu abo. Abantu bali tekikugwanidde kubakolimira, kubanga baaweebwa omukisa."

13 Enkeera mu makya Balamu n'azuukuka, n'agamba abakungu abaatumibwa Balaki nti, "Muddeeyo mu nsi yammwe, kubanga MUKAMA Katonda aŋŋaanye okugenda nammwe."

14 Abakungu aba Mowaabu ne bakomawo eri Balaki ne bamugamba nti, "Balamu yagaanye okujja naffe."

### *Katonda Akkiriza Balamu Okugenda*

15 Balaki ne yeeyongera okutuma abakungu abalala, nga baabitiibwa binene era nga bangi okusingako ku bali abaasooka.

16 Ne bajja eri Balamu ne bamugamba nti,

"Bw'ati bw'ayogera Balaki mutabani wa Zipoli nti, 'Nkwegayiridde, tokkiriza kintu kyonna kukuziyiza kujja gye ndi;

17 kubanga nzija kutumbula nnyo ekitiibwa kyo, era ŋŋenda kukukolera kyonna ky'ononsaba. Jjangu onkoliimiririre abantu bano.' "

18 Naye Balamu n'addamu abo Balaki be yatuma nti, "Balaki ne bw'alimpa enju ye ng'ejjudde ffeeza ne zaabu sigenda kukola kinene oba kitono nga kisukka ku kiragiro kya MUKAMA Katonda wange.

19 Kale nno musule wano olwa leero, nga bannammwe bwe baakola, nange mpulire MUKAMA Katonda ky'anaayongera okuŋŋamba."

20 Mu kiro ekyo Katonda n'ajja eri Balamu n'amugamba nti, "Obanga abantu abo bakuddukidde, genda nabo, naye okole ekyo kyokka kye nnaakulagira okukola."

### *Endogoyi ya Balamu Eyogera*

21 Balamu n'agolokoka mu makya, n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ye, n'agenda n'abakungu ba Mowaabu.

22 Naye Katonda n'asunguwala nnyo kubanga Balamu yagenda, malayika wa MUKAMA Katonda n'ayimirira mu kkubo okumuziyiza. Balamu yali yeebagadde endogoyi ye, abaweereza be babiri nabo baali naye.

23 Endogoyi n'eraba malayika wa MUKAMA Katonda ng'ayimiridde mu kkubo, n'ekitala ekisowoddwa nga kiri mu mukono gwe; endogoyi

n'ekyama n'eva mu kkubo n'eraga mu nnimiro. Balamu n'agikuba agizze mu kkubo.

24 Malayika wa MUKAMA Katonda n'ayimirira mu kakubo akafunda akayita wakati w'ennimiro z'emizabbibu nga ziriko ekisenge ku buli luuyi.

25 Endogoyi bwe yalaba malayika wa MUKAMA Katonda ne yeenyigiriza ku kisenge, n'ebetenterako ekigere kya Balamu. N'ayongera okugikuba.

26 Malayika wa MUKAMA Katonda ne yeeyongerayo mu maaso, n'ayimirira mu kakubo akafunda ennyo, awataali kabanga ka kwekyusizaamu kulaga ku mukono ogwa ddyo wadde ku gwa kkono.

27 Endogoyi bwe yalaba malayika wa MUKAMA Katonda n'egalamira wansi, nga Balamu ye agituddeko; obusungu bwa Balamu ne bubuubuuka, n'akuba endogoyi n'omuggo gwe.

28 Awo MUKAMA Katonda n'ayasamya akamwa k'endogoyi, n'egamba Balamu nti, "Nkukoze ki okunkuba emirundi gino gyonsatule?"

29 Balamu n'agamba endogoyi nti, "Kubanga onfudde atategeera! Singa mbadde n'ekitala mu mukono gwange nandikuttiddewo kaakano."

30 Endogoyi n'egamba Balamu nti, "Siri ndogoyi yo gye weebagadde ebbanga lyonna n'okutuusa ku lunaku lwa leero? Ebadde mpisa yange okukukola bwe nti?" Balamu n'addamu nti, "Nedda."

### *Malayika Alabula Balamu*

31 Awo MUKAMA Katonda n'alyoka azibula amaaso ga Balamu, n'alaba malayika wa MUKAMA ng'ayimiridde wakati mu kkubo n'ekitala ekisowoddwa nga kiri mu mukono gwe. N'awunzika omutwe gwe, ne yeevuunika wansi n'avuunama.

32 Malayika wa MUKAMA Katonda n'amugamba nti, "Lwaki endogoyi ogikubye emirundi egyo gyonsatule? Laba, nzize okukuziyiza kubanga ekkubo ly'okutte terinsanyusa.

33 Endogoyi yandabye n'enneebalama emirundi egyo esatu. Singa teyanneebalamye, nandibadde ggwe nkusse, naye yo nga ngirese."

34 Balamu n'agamba malayika wa MUKAMA Katonda nti, "Nnyonoonye. Saategedde nti ggwe oyimiridde mu kkubo okunziyiza. Kale nno nga kye nkoze bwe kitakusanyusizza, ka nzireyo eka."

35 Malayika wa MUKAMA Katonda n'agamba Balamu nti, "Genda n'abasajja abo, naye ebigambo bye nnaakulagira bye byokka by'oba oyogera." Bw'atyo Balamu n'agenda n'abakungu ba Balaki.

### *Balamu Akyalira Balaki*

36 Balaki bwe yawulira nga Balamu ajja, n'afuluma okugenda okumusisinkana mu kibuga kya Mowaabu ekiri ku nsalo ya Alumoni, ku nkomerero y'amatwale ge.

37 Balaki n'agamba Balamu nti, "Saakutumira nga nkuyita ojje ku bwange? Lwaki tewajja gye ndi? Olowooza siyinza kukuwa bitiibwa bingi?"

38 Balamu n'addamu nti, "Nzuuno kaakano nzize gy'oli! Naye olowooza nnina obuyinza okwogera kyonna kye njagala? Nteekwa okwogera ebyo byokka Katonda by'anassa mu kamwa kange."

39 Bw'atyo Balamu n'agenda ne Balaki ne bajja e Kiriasikuzosi.

40 Balaki n'awaayo ekiweebwayo eky'ente n'endiga, n'aweerezaako ne ku Balamu n'abakungu abaali naye.

[41] Enkeera Balaki n'atwala Balamu n'amulinnyisa ku bifo bya Bamosi
Baali*, n'asinziira awo okulengera ku kitundu eky'abantu ba Isirayiri
abaali okumpi.

# 23

*Okulagula kwa Balamu Okusooka*

[1] Balamu n'agamba Balaki nti, "Nkolera wano ebyoto musanvu, era
onfunire ne sseddume z'ente musanvu, n'endiga ennume musanvu."
[2] Balaki n'akola nga Balamu bwe yamugamba; bombi Balaki ne Balamu
ne bawaayo ente emu n'endiga ennume emu ku buli kyoto.
[3] Balamu n'agamba Balaki nti, "Beera wano awali ekiweebwayo kyo nze
njire nga nzirako wabbali. Oboolyawo nga MUKAMA anajja n'ansisinkana.
Buli kyonna ky'anambikkulira nnaakikutegeeza." N'alaga waggulu ku
lusozi awatali bimera.
[4] Katonda n'asisinkana Balamu; Balamu n'amugamba nti, "Nteeseteese
ebyoto musanvu, era ku buli kyoto mpeereddeko ente ya sseddume emu
n'endiga ennume emu."
[5] MUKAMA Katonda n'assa ebigambo mu kamwa ka Balamu n'amugamba
nti, "Ddayo eri Balaki omutuuseeko obubaka buno."
[6] N'addayo gye yali, n'amusanga ng'ayimiridde awali ekiweebwayo kye,
n'abakungu bonna aba Mowaabu.
[7] Balamu n'alagula nti,

"Balaki ye yanzigya mu Alamu,
kabaka wa Mowaabu yanzigya mu nsozi z'ebuvanjuba.
N'aŋŋamba nti, 'Jjangu onkolimiririre Yakobo;
jjangu oboole Isirayiri.'
[8] Nnyinza okukolimira
abo Katonda batakolimidde?
Nnyinza okuboola
abo MUKAMA Katonda baatabodde?
[9] Mbalaba okuva ku ntikko ez'enjazi
mbalengera nga nsinziira ku nsozi.
Ndaba abantu abeeyawuddeko
abateerowooza kuba ng'erimu ku mawanga.
[10] Ani ayinza okubala enfuufu ya Yakobo,
oba okubala ekitundu ekyokuna ekya Isirayiri?
Leka nfe okufa okw'omutuukirivu,
n'enkomerero yange ebeere ng'eyaabwe!"

[11] Balaki n'agamba Balamu nti, "Onkoze ki kino? Nakuyita kujja
kukolimira balabe bange, naye obw'edda bwonna obadde obasabira
mukisa!"
[12] N'addamu nti, "Tekiŋŋwanidde kwogera ekyo MUKAMA Katonda
ky'atadde mu kamwa kange?"

*Okulagula kwa Balamu Okwokubiri*

[13] Balaki n'amugamba nti, "Jjangu tugende mu kifo ekirala w'onoolabira
abaana ba Isirayiri; ojja kulabako kitundu butundu so si bonna. Kale nno
sinziira awo obankolimiririre."

* **22:41** Bamosi Baali Kitegeeza omununuzi. Ye yali lubaale wa laddu mu bantu abaabeeranga mu Busuuli ne mu Kanani.

14 N'amutwala mu nnimiro ya Zofimu, ku ntikko ya Pisuga, n'azimbira
eyo ebyoto musanvu n'awaayo sseddume w'ente emu n'endiga ennume
emu ku buli kyoto.
15 Balamu n'agamba Balaki nti, "Beera wano awali ebiweebwayo byo,
nze ŋŋende musisinkane wali."
16 MUKAMA Katonda n'asisinkana Balamu, n'ateeka obubaka mu kamwa
ke, ng'agamba nti, "Ddayo eri Balaki omuwe obubaka obwo."
17 N'addayo gy'ali n'amusanga ng'ayimiridde awali ekiweebwayo, ng'ali
n'abakungu ba Mowaabu. Balaki n'amubuuza nti, "MUKAMA Katonda
agambye ki?"
18 Bw'atyo n'alagula nti,
"Golokoka, Balaki, owulirize;
mpulira, mutabani wa Zipoli.
19 Katonda si muntu, nti ayinza okulimba,
oba nti mwana wa bantu nti akyusakyusa ebigambo bye.
Ayogera n'atakola?
Asuubiza n'atatuukiriza?
20 Mpeereddwa ekiragiro okusaba omukisa;
agabye omukisa, era siyinza kukikyusa.

21 "Tewali kibi kirabiddwa mu Yakobo,
tewali kubonaabona kulabise mu Isirayiri.
MUKAMA Katonda waabwe ali nabo;
eddoboozi lya kabaka ery'omwanguka liri wakati mu bo.
22 Katonda ye yabaggya mu Misiri,
balina amaanyi ng'aga sseddume ey'omu nsiko.
23 Tewali bulogo ku Yakobo,
tewali bulaguzi ku Isirayiri.
Kiryogerwako ku Yakobo
ne ku Isirayiri nti, 'Mulabe Katonda ky'akoze!'
24 Abantu basituka ng'empologoma enkazi,
beezuukusa ng'empologoma ensajja
etaweera okutuusa ng'eridde omuyiggo gwayo
n'enywa omusaayi gw'ebyo by'esse."
25 Balaki n'agamba Balamu nti, "Tobakolimira wadde okubasabira
omukisa n'akamu!"
26 Balamu n'addamu nti, "Saakutegeezezza nti kinsaanidde okukola
ekyo kyonna MUKAMA Katonda ky'anaagamba?"

### *Okulagula kwa Balamu Okwokusatu*

27 Balaki n'agamba Balamu nti, "Jjangu, nkutwale mu kifo ekirala,
oboolyawo Katonda anakkiriza obankoliimiririre ng'osinziira awo."
28 Balaki n'atwala Balamu ku ntikko y'olusozi Peoli, olwolekedde
eddungu.
29 Balamu n'agamba Balaki nti, "Nzimbira wano ebyoto musanvu, era
onfunireyo wano ente za sseddume musanvu n'endiga ennume musanvu."
30 Balaki n'akola nga Balamu bwe yamusaba, n'awaayo sseddume y'ente
emu n'endiga ennume emu ku buli kyoto.

## 24

1 Awo Balamu bwe yalaba nga MUKAMA Katonda asiimye okuwa Isirayiri
omukisa, n'ataddayo kunoonya bya bulaguzi, nga bwe yakola ku mirundi
emirala, naye n'ayolekeza amaaso ge eddungu.

2 Balamu n’alengera ewala, n’alaba Isirayiri gye yasiisira ng’ebika bwe
byali, n’ajjirwa Omwoyo wa Katonda,
3 n’alagula nti,
“Okulagula kwa Balamu mutabani wa Byoli,
okulagula kw’omuntu azibuddwa amaaso,
4 okulagula kw’oyo awulira ekigambo kya Katonda
alaba okwolesebwa kw’Ayinzabyonna,
eyeeyaze wansi, n’amaaso ge nga gatunula:

5 “Eweema zo nga nnungi, Ayi Yakobo,
ebifo byo mw’obeera, Ayi Isirayiri!

6 “Byeyaliiridde ng’ebiwonvu,
ng’ennimiro ku mabbali g’omugga,
ng’emigavu egisimbiddwa MUKAMA
ng’emivule egiri okumpi n’amazzi.
7 Amazzi ganaakulukutanga mu bulobo bwabwe; ne gabooga
ensigo zaabwe zirifunanga amazzi mangi.

“Kabaka waabwe aliba wa kitiibwa okukira Agagi
obwakabaka bwabwe bunaagulumizibwanga.

8 “Katonda ye yabaggya mu Misiri
balina amaanyi nga aga sseddume ey’omu nsiko.
Basaanyaawo amawanga g’abalabe
ne bamenyaamenya amagumba gaabwe mu butundutundu,
ne babalasa n’obusaale bwabwe.
9 Ng’empologoma ensajja, beekulula ne bagalamira wansi,
ng’empologoma enkazi; ani ayaŋŋanga okubagolokosa?

“Akusabiranga omukisa aweebwenga omukisa
n’oyo akukolimira akolimirwenga!”
10 Awo obusungu bwa Balaki ne bubuubuukira ku Balamu. N’akuba
mu ngalo omulundi gumu, n’amugamba nti, “Nakuyita okolimire abalabe
bange, naye obasabidde mukisa emirundi gino gyonsatule.
11 Kale nno situka oddeyo ewammwe! Nagamba nti nnandikuwadde
ebitiibwa bingi, naye MUKAMA akuziyizza okuweebwa ebitiibwa ebyo.”
12 Balamu n’agamba Balaki nti, “Ababaka bo be wantumira, saabagamba
nti,
13 ‘Balaki ne bw’alimpa ennyumba ye ng’ejjudde zaabu ne ffeeza,
sigenda kusukka kiragiro kya MUKAMA ne nkola ekyange ku bwange oba
nga kirungi oba nga kibi, wabula nga ndyogera ebyo byokka MUKAMA
by’alindagira okwogera?’
14 Kaakano nno nzirayo ewaffe mu bantu bange, naye wuliriza nga
nkulabula abantu bano kye balikola abantu bo mu nnaku ezijja.”

### *Okulagula kwa Balamu Okwokuna*

15 N’alagula bw’ati nti,
“Okulagula kwa Balamu mutabani wa Byoli,
okulagula kw’omuntu azibuddwa amaaso,
16 okulagula kw’oyo awulira ekigambo kya Katonda,
aggya okutegeera eri oyo Ali Waggulu Ennyo
alaba okulabikirwa kw’Ayinzabyonna

eyeeyaze wansi, n'amaaso ge nga gatunula.

17 "Mmulaba, naye si kaakano;
mmutunuulira, naye tali kumpi.
Emmunyeenye eriva ewa Yakobo;
omufuzi alisituka ng'ava mu Isirayiri.
Alibetenta Mowaabu,
obuwanga bw'abatabani ba Seezi.
18 Edomu* aliwangulwa;
Seyiri, omulabe we, aliwangulwa,
naye Isirayiri alyeyongera amaanyi.
19 Omufuzi alisituka ng'ava mu Yakobo
n'azikiriza ab'omu kibuga abaliba bawonyeewo."

### *Okulagula kwa Balamu Okusembayo*

20 Balamu n'alaba Amaleki, n'alagula nti,
"Amaleki ye yakulemberanga mu mawanga,
naye ku nkomerero agenda kuzikirira."
21 N'alaba Abakeeni, n'alagula nti:
"Ekifo kyo w'obeera wagumu,
ekisu kyo kiri mu lwazi
22 naye era mmwe Abakeeni mugenda kuzikirizibwa
Asuli bw'alibatwala mu busibe."
23 Ate n'alagula nti,
"Woowe! Ani aba omulamu nga Katonda asazeewo eky'okukola?
24 Ebyombo birijja nga biva ku mbalama za Kittimu;
birifufuggaza Asuli ne Eberi†,
naye nabyo birizikirira."
25 Awo Balamu n'asituka n'addayo ewaabwe, ne Balaki n'akwata agage.

# 25

### *Isirayiri Asinza Bakatonda Abalala mu Sitimu*

1 Isirayiri bwe yali mu Sitimu, abasajja ne batandika okwenda n'abakazi
ba Mowaabu,
2 abaabayitanga ku kuwaayo ebiweebwayo eri bakatonda baabwe.
Abaana ba Isirayiri ne balya era ne bavuunamira bakatonda abo.
3 Bw'atyo Isirayiri n'ayingirira eby'okusinzanga Baali ow'e Peoli.
Obusungu bwa MUKAMA ne bubabuubuukirako.
4 MUKAMA n'agamba Musa nti, "Kwata abakulembeze b'abantu bano
obatte, obaanike mu maaso ga MUKAMA abantu bonna we babalabira,
obusungu bwa MUKAMA bulyoke bukkakkane buve ku Isirayiri."
5 Musa n'agamba abalamuzi ba Isirayiri nti, "Buli omu ku mmwe atte
abo abali mu mmwe abeegasse mu kusinza Baali ow'e Peoli."
6 Kale, laba, omusajja omu ku baana ba Isirayiri n'aleeta mu maka
ge omukazi Omumidiyaani awo mu maaso ga Musa, nga n'ekibiina
kyonna ekya Isirayiri bali awo bakaabira mu mulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu.
7 Naye Finekaasi mutabani wa Eriyazaali, mutabani wa Alooni kabona,
bwe yakiraba, n'asituka mu kibiina n'akwata effumu mu mukono gwe

---

* **24:18** Edomu Abayedomu bazzukulu ba Esawu. † **24:24** Eberi ye jjajja w'Abaebbulaniya (1By 1:25-27).

8 n'agoberera Omuyisirayiri n'amutuusa mu weema. Bombi
n'abafumita effumu ne liyita mu Muyisirayiri ne liggukira ne mu mubiri
gw'omukazi, ne libayitamu bombi. Awo kawumpuli eyali alumbye abaana
ba Isirayiri n'akoma.
9 N'abo abaafa kawumpuli baawera emitwalo ebiri mu enkumi nnya.
10 MUKAMA n'agamba Musa nti,
11 "Finekaasi mutabani wa Eriyazaali, mutabani wa Alooni kabona,
ankyusisizza obusungu bwange ne mbuggya ku baana ba Isirayiri;
kubanga obusungu bwe bwabuubuuka nnyo ng'obwange olw'obutafaayo
ku kitiibwa kyange, kyenvudde sibazikiriza kubamalawo.
12 Noolwekyo mutegeeze nti, 'Laba nkola naye endagaano ey'emirembe.
13 Ye, ne bazzukulu be bonna banaabanga mu ndagaano ey'obwakabona
obw'emirembe gyonna, kubanga yasunguwalira abaana ba Isirayiri
olw'okutyoboola ekitiibwa kya Katonda we, n'abatangiririra.' "
14 Omusajja Omuyisirayiri eyattirwa awamu n'omukazi Omumidiyaani
yali Zimuli mutabani wa Salu eyali omukulembeze mu kika kya Simyoni.
15 N'erinnya ly'omukazi Omumidiyaani eyattibwa nga ye Kozebi
muwala wa Zuuli, eyali omukulembeze mu kimu ku bika bya Midiyaani.
16 MUKAMA n'agamba Musa nti,
17 "Abamidiyaani obayigganyanga n'obatta,
18 kubanga baayagala okubazikiriza n'enkwe zaabwe bwe baabakyamya
e Peoli, n'olwa Kozebi muwala w'omukulembeze w'e Midiyaani, omukazi
oyo eyattibwa ku lunaku okwajjira kawumpuli olw'ebyo ebyali e Peoli."

# 26

*Okubala Abantu Okwokubiri*

1 Awo oluvannyuma lwa kawumpuli, MUKAMA Katonda n'agamba Musa
ne Eriyazaali, mutabani wa Alooni, kabona, nti,
2 "Bala omuwendo gw'abantu bonna abali mu kibiina ky'abaana ba
Isirayiri, ng'obabala mu bika byabwe ne mu mayumba ga bakadde
baabwe. Bala abasajja bonna abawezezza emyaka amakumi abiri
n'okusingawo abakyasobola okutabaala mu ggye lya Isirayiri."
3 Bwe batyo, nga bali mu nsenyi za Mowaabu, ku ludda lw'omugga
Yoludaani okwolekera Yeriko, Musa ne Eriyazaali kabona, ne boogera ne
bagamba abantu nti,
4 "Mubale abasajja bonna abawezezza emyaka amakumi abiri
n'okusingawo, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa."

Bano be baana ba Isirayiri abaava mu nsi y'e Misiri:

5 Ab'omu kika kya Lewubeeni, mutabani wa Isirayiri omubereberye, be bano:
abaava mu Kanoki, lwe lunyiriri lw'Abakanoki;
abaava mu Palu, lwe lunyiriri lw'Abapalu;
6 abaava mu Kezulooni, lwe lunyiriri lw'Abakezulooni;
abaava mu Kalumi, lwe lunyiriri lw'Abakalumi.
7 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Lewubeeni. Abo abaabalibwa baawera emitwalo ena mu enkumi ssatu mu lusanvu mu amakumi asatu (43,730).
8 Mutabani wa Palu yali Eriyaabu,

[9] ne batabani ba Eriyaabu baali, Nemweri ne Dasani ne Abiraamu.
Dasani ne Abiraamu be bo abaali abakulembeze mu kibiina abaajeemera
Musa ne Alooni era baali mu kabondo k'abagoberezi ba Koola abaa-
jeemera Mukama Katonda.
[10] Ensi yayasamya akamwa kaayo n'ebamira, ne bafiira wamu ne
Koola; n'abagoberezi ba Koola ebikumi bibiri mu ataano nabo baazikiriz-
ibwa mu muliro ogwabasaanyaawo. Ne babeera kabonero ka kulabirako
akanaalabulanga abantu.
[11] Kyokka olunyiriri lwa Koola terwazikiririra ddala lwonna.

[12] Ab'omu kika kya Simyoni ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Nemweri, lwe lunyiriri lw'Abanemweri;
abaava mu Yamini, lwe lunyiriri lw'Abayamini;
abaava mu Yakini, lwe lunyiriri lw'Abayakini;
[13] abaava mu Zeera, lwe lunyiriri lw'Abazeera;
abaava mu Sawuli, lwe lunyiriri lw'Abasawuli.
[14] Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Simyoni. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo ebiri mu enkumi bbiri mu ebikumi bibiri (22,200).

[15] Ab'omu kika kya Gaadi ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali, be bano:
abaava mu Zefoni, lwe lunyiriri lw'Abazefoni;
abaava mu Kagi, lwe lunyiriri lw'Abakagi;
abaava mu Suni, lwe lunyiriri lw'Abasuni;
[16] abaava mu Ozeni, lwe lunyiriri lw'Abaozeni;
abaava mu Eri, lwe lunyiriri lw'Abaeri;
[17] abaava mu Alodi, lwe lunyiriri lw'Abaalodi;
abaava mu Aleri, lwe lunyiriri lw'Abaaleri.
[18] Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Gaadi. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo ena mu ebikumi bitaano (40,500).

[19] Eri ne Onani baali batabani ba Yuda, naye ne bafiira mu nsi ya Kanani.
[20] Ab'omu kika kya Yuda ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali, be bano:
abaava mu Seera, lwe lunyiriri lw'Abaseera;
abaava mu Pereezi, lwe lunyiriri lw'Abapereezi;
abaava mu Zeera, lwe lunyiriri lw'Abazeera.
[21] Bazzukulu ba Pereezi be bano:
abaava mu Kezulooni, lwe lunyiriri lw'Abakezulooni
abaava mu Kamuli, lwe lunyiriri lw'Abakamuli.
[22] Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Yuda. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo musanvu mu kakaaga mu ebikumi bitaano (76,500).

[23] Ab'omu kika kya Isakaali ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali, be bano:
abaava mu Tola, lwe lunyiriri lw'Abatola;
abaava mu Puva, lwe lunyiriri lw'Abapuva;
[24] abaava mu Yasubu, lwe lunyiriri lw'Abayasubu;
abaava mu Simuloni, lwe lunyiriri lw'Abasimuloni
[25] Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Isakaali. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo mukaaga mu enkumi nnya mu ebikumi bisatu (64,300).

26 Ab'omu kika kya Zebbulooni ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Seredi, lwe lunyiriri lw'Abaseredi;
abaava mu Eroni, lwe lunyiriri lw'Abaeroni;
abaava mu Yaleeri, lwe lunyiriri lw'Abayaleeri.
27 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Zebbulooni. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo mukaaga mu ebikumi bitaano (60,500).

28 Ab'omu kika kya Yusufu nga bayita mu bika bya batabani be Manase ne Efulayimu.
29 Ab'omu kika kya Manase ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Makiri, lwe lunyiriri lw'Abamakiri, Makiri ye yali kitaawe wa Gireyaadi.
Abaava mu Gireyaadi, lwe lunyiriri lw'Abagireyaadi.
30 Ab'omu kika kya Gireyaadi ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Yezeeri, lwe lunyiriri lw'Abayezeeri,
abaava mu Kereki, lwe lunyiriri lw'Abakereki;
31 abaava mu Asuliyeri, lwe lunyiriri lw'Abasuliyeri,
abaava mu Sekemu, lwe lunyiriri lw'Abasekemu:
32 abaava mu Semida, lwe lunyiriri lw'Abasemida;
abaava mu Keferi, lwe lunyiriri lw'Abakeferi.
33 Zerofekadi teyazaala baana balenzi, yalina bawala bokka, amannya gaabwe ge gano: Maala, ne Noowa ne Kogula ne Mirika ne Tiruza.
34 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Manase; abaabalibwa baawera abasajja emitwalo etaano mu enkumi bbiri mu lusanvu (52,700).

35 Ab'omu kika kya Efulayimu ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali, be bano:
abaava mu Susera, lwe lunyiriri lw'Abasusera;
abaava mu Bekeri, lwe lunyiriri lw'Ababekeri;
abaava mu Takani, lwe lunyiriri lw'Abatakani.
36 Bano be bazzukulu ba Susera:
abaava mu Erani, lwe lunyiriri lw'Abaerani.
37 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Efulayimu; n'abaabalibwa baawera abasajja emitwalo esatu mu enkumi bbiri mu ebikumi bitaano (32,500).

Abo bonna baava mu Yusufu ng'ebika byabwe bwe byali n'ennyiriri zaabwe bwe zaali.

38 Ab'omu kika kya Benyamini ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali, be bano:
abaava mu Bera, lwe lunyiriri lw'Ababera;
abaava mu Asuberi, lwe lunyiriri lw'Abasuberi
abaava mu Akiramu, lwe lunyiriri lw'Abakiramu
39 abaava mu Sufamu, lwe lunyiriri lw'Abasufamu;
abaava mu Kufamu, lwe lunyiriri lw'Abakufamu.
40 Abazzukulu ba Bera nga bava mu Aluda ne Naamani ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Aluda, lwe lunyiriri lw'Abaluda;
abaava mu Naamani, lwe lunyiriri lw'Abanaamani.
41 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Benyamini; n'abaabalibwa baawera abasajja emitwalo ena mu enkumi ttaano mu lukaaga (45,600).

42 Ab'omu kika kya Ddaani ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Sukamu, lwe lunyiriri lw'Abasukamu.
Abo be baava mu Ddaani.
43 Zonna zaali nnyiriri za Basukamu. Abaabalibwa baawera
abasajja emitwalo mukaaga mu enkumi nnya mu ebikumi bina (64,400).

44 Ab'omu kika kya Aseri ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Imuna, lwe lunyiriri lw'Abayimuna;
abaava mu Isuvi, lwe lunyiriri lw'Abayisuvi;
abaava mu Beriya, lwe lunyiriri lw'Ababeriya.
45 Ate okuva mu bazzukulu ba Beriya, ze zino:
abaava mu Keberi, lwe lunyiriri lw'Abakeberi;
abaava mu Malukiyeeri, lwe lunyiriri lw'Abamalukiyeeri.
46 Aseri yalina omwana omuwala erinnya lye nga ye Seera.
47 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Aseri; n'abaabalibwa baawera abasajja emitwalo etaano mu enkumi ssatu mu ebikumi bina (53,400).

48 Ab'omu kika kya Nafutaali ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali be bano:
abaava mu Yazeeri, lwe lunyiriri lw'Abayazeeri,
abaava mu Guni, lwe lunyiriri lw'Abaguni
49 abaava mu Yezeri, lwe lunyiriri lw'Abayezeeri;
abaava mu Siremu, lwe lunyiriri lw'Abasiremu.
50 Ezo ze nnyiriri z'ekika kya Nafutaali. Abaabalibwa baawera abasajja emitwalo ena mu enkumi ttaano mu ebikumi bina (45,400).

51 Okugatta awamu omuwendo gwonna ogw'abaana ba Isirayiri abasajja abaabalibwa baawera emitwalo nkaaga mu lukumi mu lusanvu mu amakumi asatu (601,730).

### *Okugabanya Ensi*

52 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
53 "Ensi ejja kubagabanyizibwamu okubeera obutaka bwabwe
ng'obungi bw'amannya gaabwe bwe buli.
54 Ekibiina ekinene kinaafuna wanene, n'ekibiina ekitono kinaafuna
watono. Buli kibiina kinaafuna obunene nga obungi bw'amannya agali
ku lukalala bwe genkana obungi.
55 Weegendereze okukakasa ng'ensi egabanyizibbwa mu bwenkanya.
Ekika, ekitundu kye kinaafuna kineesigama ku bungi bw'amannya ga
bajjajja b'ekika ekyo.
56 Ebitundu ebinene binaagabanyizibwa ku kalulu, era n'ebitundu
ebitono nabyo bwe bityo."

### *Okubala Abaleevi*

57 Bano be Baleevi abaabalibwa ng'enyiriri zaabwe bwe zaali:
abaava mu Gerusoni, lwe lunyiriri lw'Abagerusoni;
abaava mu Kokasi, lwe lunyiriri lw'Abakokasi;
abaava mu Merali, lwe lunyiriri lw'Abamerali.
58 Ne zino nazo nnyiriri za Baleevi:
olunyiriri lw'Ababalibuni,
olunyiriri lw'Abakebbulooni,
olunyiriri lw'Abamakuli,
olunyiriri lw'Abamusi,

n'olunyiriri lw'Abakoola.
Kokasi yazaala Amulaamu.
59 Erinnya lya muka Amulaamu ye yali Yokebedi muwala wa Leevi,
Leevi gwe yazaalira mu Misiri. N'azaalira Amulaamu bano: Alooni, ne
Musa ne mwannyinaabwe Miryamu.
60 Alooni ye yali kitaawe wa bano: Nadabu, ne Abiku, ne Eriyazaali
ne Isamaali.
61 Kyokka Nadabu ne Abiku ne bafa bwe baakuma omuliro ogutali
mutukuvu mu maaso ga MUKAMA.

62 Abasajja bonna okuva ku mwezi ogumu ogw'obukulu n'okusingawo, abaabalibwa, baali emitwalo ebiri mu enkumi ssatu (23,000). Tebaabalirwa wamu na baana ba Isirayiri nga babalibwa, kubanga Abaleevi bo tebaaweebwa mugabo gwa butaka ng'abaana ba Isirayiri bagabana.

63 Abo be baabalibwa Musa ne Eriyazaali kabona lwe baabala abaana ba
Isirayiri mu nsenyi za Mowaabu ku mugga Yoludaani okwolekera Yeriko.
64 Naye mu bano abaabalibwa temwalimu musajja n'omu ku abo abaali
babaliddwa Musa ne Alooni kabona bwe baabala abaana ba Isirayiri mu
Ddungu lya Sinaayi.
65 Kubanga MUKAMA Katonda yali agambye abaana ba Isirayiri abo nti
awatali kubuusabuusa bonna bagenda kufiira mu ddungu. Era tewali
n'omu eyasigalawo nga mulamu okuggyako Kalebu mutabani wa Yefune,
ne Yoswa mutabani wa Nuuni.

# 27

*Abawala ba Zerofekadi*

1 Abawala ba Zerofekadi mutabani wa Keferi, mutabani wa Gireyaadi,
mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase, baali ba mu kika kya Manase
mutabani wa Yusufu. Amannya g'abawala abo nga ge gano: Maala, ne
Noowa, ne Kogula, ne Mirika ne Tiruza.
2 Lwali lumu, ne bajja okumpi n'omulyango gwa Weema
ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne bayimirira mu maaso ga Musa ne Eriyazaali
kabona, ne mu maaso g'abakulembeze n'ag'ekibiina kyonna, ne bagamba
nti,
3 "Kitaffe yafiira mu ddungu. Teyali omu ku bajeemu abagoberezi
ba Koola abaajeemera MUKAMA; naye ye yafa bufi lwa bibi bye, naye
teyalekawo baana babulenzi.
4 Lwaki erinnya lya kitaffe mu kika linaabulamu olw'obutazaala mwana
wabulenzi? Mutuwe omugabo mu baganda ba kitaffe."
5 Musa n'aleeta ensonga zaabwe awali MUKAMA Katonda.
6 MUKAMA n'agamba Musa nti,
7 "Abawala ba Zerofekadi kye bagamba kituufu; bafunire omugabo
ogw'obutaka awamu ne baganda ba kitaabwe, era n'omugabo gwa
kitaabwe gubaweebwe.
8 "Era gamba abaana ba Isirayiri nti, 'Omusajja bw'anaafanga nga
taleseewo mwana wabulenzi, kale omugabo gwe ogw'obusika bwe gu-
naaweebwanga omwana we omuwala.
9 Bw'ataabenga na mwana wabuwala, omugabo gwe onooguwanga
baganda be.

10 Bw'anaabanga talina baganda be, omugabo gwe onooguwanga
baganda ba kitaawe.
11 Kitaawe bw'aba nga teyalina baganda be, omugabo gwe
onooguwanga owooluganda asinga okuba ow'okumpi mu kika kye, oyo
y'anaagutwalanga. Eryo linaabanga tteeka erinaakwatibwanga abaana
ba Isirayiri, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.' "

### *Yoswa Alondebwa Okusikira Musa*

12 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Yambuka waggulu ku
lusozi luno Abalimu olengere ensi gye mpadde abaana ba Isirayiri.
13 Bw'onoomala okugiraba, naawe ojja kugenda abantu bo bonna gye
baalaga, nga bwe kyali ne ku muganda wo Alooni,
14 kubanga mwembi mwajeemera ekigambo kyange, abantu bwe baa-
jagalala mu ddungu lya Zini ne mutampeesa kitiibwa ng'omutukuvu mu
maaso gaabwe." Ago ge gaali amazzi ag'e Meriba mu Kadesi mu ddungu
ly'e Zini.
15 Awo Musa n'agamba MUKAMA Katonda nti,
16 "MUKAMA Katonda w'emyoyo gy'abantu bonna, alonde omusajja
okulabirira ekibiina kino,
17 afulumenga era ayingirenga mu maaso gaabwe, omuntu anaaba-
fulumyanga era anaabayingizanga, abantu ba MUKAMA baleme okuba
ng'endiga ezitaliiko musumba."
18 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Twala Yoswa mutabani wa
Nuuni, omusajja alimu omwoyo*, omusseeko omukono gwo.
19 Muyimirize mu maaso ga Eriyazaali kabona ne mu maaso g'ekibiina
kyonna, omukuutirire mu maaso gaabwe.
20 Mukwase ekitundu ky'obuyinza bwo, ekibiina kyonna eky'abaana ba
Isirayiri batandike okumugondera.
21 Anajjanga n'ayimirira mu maaso ga Eriyazaali kabona anaa-
mutegeezanga ebinaabanga bisaliddwawo ng'akozesa Ulimu mu maaso
ga MUKAMA Katonda. Abaana ba Isirayiri bonna, bw'anaalagiranga
banaafulumanga, era bw'anaalagiranga banaayingiranga."
22 Awo Musa n'akola nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira. Yatwala
Yoswa n'amuyimiriza mu maaso ga Eriyazaali kabona, ne mu maaso
g'ekibiina kyonna.
23 Bw'atyo n'amussaako emikono gye, n'amukuutira, nga MUKAMA
Katonda bwe yalagira Musa.

# 28

### *Ekiweebwayo Ekya buli Lunaku*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Lagira abaana ba Isirayiri ng'obagamba nti, 'Mutegekenga ekiweeb-
wayo kyange mu biseera bye nnyini, ye mmere ey'ebiweebwayo byange
ebyokye, nga bivaamu akawoowo akalungi akansanyusa.'
3 Bagambe nti, 'Ekiweebwayo ekyokye ky'ojjanga okuwaayo eri
MUKAMA, kinaabanga bwe kiti: endiga ennume bbiri ezitaliiko kamogo nga
buli emu ya mwaka gumu ogw'obukulu: zaakuweebwangayo nga njokye
buli lunaku.
4 Endiga emu munaagiwangayo mu makya, n'endiga eyookubiri mu-
naagiwangayo akawungeezi;

* **27:18** alimu omwoyo obuyinza Katonda bw'awa omuntu okukola n'obumalirivu

5 nga muteekeddeko ne kilo emu n'ekitundu ez'obuwunga obulungi nga butabuddwamu lita ng'emu ey'amafuta ge zeyituuni.

6 Ekyo ky'ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli kiseera nga bwe kyalagirwa ku lusozi Sinaayi, nga ke kawoowo akasanyusa ak'ekiweebwayo ekyokye eri MUKAMA.

7 Ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako kinaabanga kya lita ng'emu ku buli ndiga. Ekiweebwayo ekyokunywa eri MUKAMA Katonda munaakifukiranga mu watukuvu.

8 Endiga eyookubiri mugiteekateekanga kawungeezi, mu ngeri y'emu n'eyo ey'omu makya. Ekyo kinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa, omuva akawoowo akalungi akasanyusa MUKAMA Katonda.'

### *Ebiweebwayo eby'oku Ssabbiiti*

9 "Ku lunaku lwa Ssabbiiti munaaleetanga ekiweebwayo eky'endiga ennume ez'omwaka ogumu ogw'obukulu, ezitaliiko kamogo, wamu n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako, n'ekiweebwayo eky'obuwunga obulungi ekiweeza nga kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu nga butabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni.

10 Kino kye kinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli Ssabbiiti, nga kyongerwa ku kiweebwayo ekyokebwa ekya buli kiseera awamu n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako.

### *Ekiweebwayo ng'Omwezi Gwakaboneka*

11 "Ku buli lunaku olw'olubereberye olwa buli mwezi onooleetanga eri MUKAMA ekiweebwayo ekyokebwa eky'ente ennume ento bbiri, n'endiga ento ennume emu, n'abaana b'endiga abalume musanvu abawezezza omwaka ogumu ogw'obukulu; byonna nga tebiriiko kamogo.

12 Ku buli nte nnume ento munaaleeterangako kilo ttaano ez'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni; ku ndiga ento ennume munaaleeterangako ekiweebwayo eky'emmere y'empeke epima kilo ssatu n'obutundutundu bubiri n'ekitundu ez'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni;

13 ku buli mwana gw'endiga ennume munaaleeterangako ekiweebwayo eky'emmere y'empeke eky'obuwunga obulungi obupima kilo emu n'ekitundu obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni. Ebyo byonna bye by'ekiweebwayo ekyokebwa, ekivaamu akawoowo akalungi ak'ekiweebwayo ekiri ku muliro, ekiweereddwayo eri MUKAMA Katonda.

14 Ku buli nte ennume ento kunaaleeterwangako ekiweebwayo ekyokunywa ekya lita emu n'obutundu munaana eza wayini; ku ndiga ennume ento ekya wayini apima lita emu n'obutundu bubiri, ne ku buli mwana gw'endiga ennume ekyokunywa ekya lita emu n'obutundu bubiri eza wayini. Ekyo kye kinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli mwezi nga gwakaboneka mu mwaka.

15 Ng'oggyeko ekiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo awamu n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako, munaaleetanga embuzi ennume nga kye kiweebwayo olw'ekibi eri MUKAMA Katonda.

### *Embaga ey'Okuyitako*

16 "Olunaku olw'ekkumi n'ennya mu mwezi ogw'olubereberye kwe kunaabanga Embaga ey'Okuyitako kwa MUKAMA Katonda.

17 Ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogwo kwe kunaabeeranga embaga; munaalyanga emigaati egitali mizimbulukuse okumala ennaku musanvu.

18 Ku lunaku olw'olubereberye munaabeeranga n'okukuŋŋaana oku-
tukuvu; era temulukolerangako mirimu gyonna egy'okukakaalukana.
19 Munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA Katonda,
ekiweebwayo ekyokebwa eky'ente eza sseddume ento bbiri, n'endiga ento ennume emu, n'abaana b'endiga abalume abawezezza omwaka gumu ogw'obukulu; nga byonna tebiriiko kamogo.
20 Ku buli nte ento ennume munaaleeterangako ekiweebwayo
eky'emmere y'empeke ng'eweza kilo ssatu ez'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni; ku ndiga ennume ento munaaleeterangako kilo bbiri;
21 ne ku buli emu ku baana b'endiga ennume omusanvu, kilo emu.
22 Munaaleeterangako embuzi ennume emu ey'ekiweebwayo olw'ekibi
olw'okwetangiririza.
23 Ebyo byonna munaabiteekateekanga nga mwongereza ku kiweeb-
wayo ekyokebwa ekya bulijjo ekya buli makya.
24 Munaategekanga mu ngeri eyo, buli lunaku, emmere ey'ekiweebwayo
ekyokebwa, okumala ennaku musanvu, nga ke kawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda; ekyo kinaateekebwateekebwanga okwongereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo awamu n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako.
25 Ku lunaku olw'omusanvu munaakubangawo olukuŋŋaana
olutukuvu, era temuukolerengako mirimu gyonna egya bulijjo egy'okukakaalukana.

*Embaga ey'Ebibala Ebibereberye*

26 "Ku lunaku olw'ebibala ebibereberye, kwe munaaleeteranga eki-
weebwayo eky'emmere y'empeke ey'obuwunga, eri MUKAMA Katonda, ku Mbaga ya Wiiki, munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu; era temuukolerengako mirimu gyonna egya bulijjo egy'okukakaalukana.
27 Munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eky'ente ento eza ssed-
dume bbiri, n'endiga ento ennume emu, n'abaana b'endiga abalume abawezezza omwaka ogumu ogw'obukulu musanvu, nga ke kawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda.
28 Ku buli nte ya sseddume kunaaleeterwangako ekiweebwayo
eky'emmere y'empeke ey'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni obupima kilo ttaano; ne ku ndiga ennume ento, obupima kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu;
29 ne ku buli emu ku baana b'endiga ennume omusanvu, obupima kilo
emu n'ekitundu.
30 Munaagattangako n'embuzi ennume emu ento olw'okwetangiririza.
31 Ebyo byonna munaabiwangayo awamu n'ekiweebwayo kyabyo
ekyokunywa; okwo kwe munaagattanga ekiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo n'ekiweebwayo kyako eky'emmere ey'empeke. Mwegenderezenga okulaba ng'ensolo ezo zonna teziriiko kamogo."

# 29

*Ebiweebwayo eby'Embaga ey'Amakondeere*

1 "Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'omusanvu mu-
naakubanga olukuŋŋaana olutukuvu, era temuukolerengako mulimu gwonna ogwa bulijjo ogw'okukakaalukana. Olwo lwe lunaabanga olunaku lwammwe kwe munaafuuyiranga amakondeere.

2 Munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eky'akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda. Munaateekateekanga ente ento eza sseddume bbiri, n'endiga ento ennume emu, n'abaana b'endiga abalume abawezezza omwaka ogumu ogw'obukulu musanvu; ebyo byonna nga tebiriiko kamogo.
3 Ku buli nte ya sseddume kunaaleeterwangako ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke ey'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni obupima lita mukaaga n'ekitundu; ne ku ndiga ennume ento obupima kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu,
4 ne ku buli emu ku baana b'endiga omusanvu, obupima kilo emu n'ekitundu.
5 Mugattangako n'embuzi emu ennume, nga kye kiweebwayo olw'ekibi, okwetangiririza.
6 Okwo kwe munaagattanga ebiweebwayo ebyokebwa ebya buli mwezi, n'ebiweebwayo byabyo eby'emmere y'empeke n'ebiweebwayo ebyokunywa, nga bwe kyalagirwa. Binaabanga ebiweebwayo ebyokebwa nga biweereddwayo eri MUKAMA Katonda ne muvaamu akawoowo akalungi akasanyusa.

*Olunaku olw'Ebiweebwayo olw'Okwetangiririra*

7 "Ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi ogwo ogw'omusanvu munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu. Muneerekerezanga ne mutalukolerako mulimu gwonna.
8 Naye munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eky'ente ento eya sseddume emu, n'endiga ento ennume emu, n'abaana b'endiga abalume ab'omwaka ogumu ogw'obukulu musanvu, byonna nga tebiriiko kamogo ng'ebyo kye kiweebwayo ekyokebwa omuva akawoowo akasanyusa MUKAMA Katonda.
9 Ku nte ya sseddume kunaaleeterwangako ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke ey'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni nga bupima kilo ttaano, ne ku ndiga ennume ento obupima kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu,
10 ne ku buli emu ku baana b'endiga abalume omusanvu obupima kilo emu n'ekitundu.
11 Mugattangako embuzi ennume emu ey'ekiweebwayo olw'ekibi, nga kyongerwa ku kiweebwayo olw'ekibi olw'okwetangiririza, n'ekiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo nga kuliko n'ekiweebwayo kyako eky'emmere y'empeke, n'ebiweebwayo ebyokunywa ebigenderako.

*Ebiweebwayo olw'Embaga ey'Ensiisira*

12 "Ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'omusanvu munaakubanga olukuŋŋaana olutukuvu era temulukolerangako mirimu egya bulijjo. Munaakolanga embaga eri MUKAMA Katonda okumala ennaku musanvu.
13 Munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa, ekyokebbwa ku muliro ne muvaamu akawoowo akalungi akasanyusa MUKAMA Katonda, nga kya nte eza sseddume ento kkumi na ssatu, endiga ennume ento bbiri, abaana b'endiga abalume abaweza omwaka gumu ogw'obukulu kkumi na bana; nga byonna tebiriiko kamogo.
14 Era munaaleeterangako ekiweebwayo eky'emmere y'empeke eky'obuwunga obulungi obutabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni, nga bupima kilo ttaano ku buli emu ku nte ekkumi n'essatu, nga bupima kilo ssatu n'obutundu bubiri n'ekitundu ku buli emu ku ndiga ento ebbiri ennume;

15 ne ku baana b'endiga abalume ekkumi na bana, nga bupima kilo emu n'ekitundu ku buli emu.

16 Era munaawangayo n'embuzi emu ennume olw'ekiweebwayo olw'ekibi, ng'okwo mugasseeko n'ebiweebwayo ebyokebwa ebya bulijjo n'ebiweebwayo eby'emmere y'empeke n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako.

17 "Ku lunaku olwokubiri munaateekateekanga ente eza sseddume ento kkumi na bbiri, n'endiga ennume ento bbiri n'abaana b'endiga abalume kkumi na bana abaweza omwaka gumu ogw'obukulu, nga byonna tebiriiko kamogo.

18 Ku nte eza sseddume, n'endiga ento ennume, n'abaana b'endiga abalume, munaateekateekanga ebiweebwayo byabyo eby'emmere y'empeke n'ebiweebwayo byako eby'ebyokunywa, ng'emiwendo egyalagirwa bwe giri.

19 Munaagattangako embuzi ennume emu ey'ekiweebwayo olw'ekibi, nga mwongereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo n'emmere yaako ey'empeke, n'ebiweebwayo byako ebyokunywa.

20 "Ku lunaku olwokusatu munaateekateekanga ente eza sseddume kkumi n'emu, endiga ento ennume bbiri, n'abaana b'endiga abalume kkumi na bana ab'omwaka ogumu ogw'obukulu; nga byonna tebiriiko kamogo.

21 Ku nte ne ku ndiga ento ennume, ne ku baana b'endiga, byonna munaabiteekerateekerangako ebiweebwayo eby'emmere yaako ey'empeke n'ebiweebwayo ebyokunywa byako ebigenderako, ng'emiwendo egyalagirwa bwe giri.

22 Era munaawangayo embuzi emu ennume nga kye kiweebwayo olw'ekibi nga mwongereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo, n'ekiweebwayo kyako eky'emmere ey'empeke n'ekiweebwayo kyako ekyokunywa.

23 "Ku lunaku olwokuna munaategekanga ente eza sseddume kkumi, n'endiga ento ennume bbiri, n'abaana b'endiga abalume kkumi na bana abawezezza omwaka gumu ogw'obukulu; ebyo byonna nga tebiriiko kamogo.

24 Ku nte ne ku ndiga ento ennume, n'abaana b'endiga, munaabiteekerateekerangako ebiweebwayo byako eby'emmere y'empeke n'ebiweebwayo ebyokunywa byako ng'emiwendo egyalagirwa bwe giri.

25 Era munaawangayo embuzi emu ennume, nga kye kiweebwayo olw'ekibi, nga mwongerereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo n'ekiweebwayo kyako eky'emmere y'empeke n'ekiweebwayo kyako ekyokunywa.

26 "Ku lunaku olwokutaano munaateekateekanga ente eza sseddume mwenda, endiga ento ennume bbiri, n'abaana b'endiga abalume kkumi na bana abawezezza omwaka ogumu nga byonna tebiriiko kamogo.

27 Ku nte ne ku ndiga ento ennume, ne ku baana b'endiga, byonna munaabiteekerateekerangako ebiweebwayo byako eby'emmere y'empeke n'ebiweebwayo ebyokunywa byako ng'emiwendo egyalagirwa bwe giri.

28 Era munaawangayo embuzi emu ennume, nga kye kiweebwayo olw'ekibi nga mwongereza ku kiweebwayo kyako eky'emmere y'empeke n'ekiweebwayo ekyokunywa.

29 "Ku lunaku olw'omukaaga munaateekateekanga ente eza sseddume munaana, endiga ento ennume bbiri, n'abaana b'endiga abalume kkumi na bana ab'omwaka ogumu ogw'obukulu, ebyo byonna nga tebiriiko kamogo.

30 Ku nte ne ku ndiga ento ennume, n’abaana b’endiga munaabiteekera-
teekerangako ebiweebwayo byako eby’emmere y’empeke n’ebiweebwayo
ebyokunywa byako ng’emiwendo egyalagirwa bwe giri.
31 Era munaawangayo embuzi emu ennume, nga kye kiweebwayo
olw’ekibi, nga mwongerereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo
n’ebiweebwayo byako eby’emmere y’empeke, n’ekiweebwayo kyako
ekyokunywa.
32 “Ku lunaku olw’omusanvu munaateekateekanga ente za sseddume
musanvu, endiga ento ennume bbiri, n’abaana b’endiga abalume kkumi
na bana ab’omwaka ogumu ogw’obukulu, ebyo byonna nga tebiriiko
kamogo.
33 Ku nte ne ku ndiga ento ennume, ne ku baana b’endiga, byonna
munaabiteekerateekerangako ebiweebwayo byako eby’emmere y’empeke
n’ebiweebwayo byako ebyokunywa, ng’emiwendo egyalagirwa bwe giri.
34 Era munaawangayo embuzi emu ennume, nga kye kiweebwayo
olw’ekibi, nga mwongerereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo,
n’ekiweebwayo kyako eky’emmere y’empeke n’ekiweebwayo ekyokun-
ywa.
35 “Ku lunaku olw’omunaana munaakubanga olukuŋŋaana, era
temuukolenga mirimu gya bulijjo egy’okukakaalukana.
36 Munaawangayo ekiweebwayo ekyokye omuva akaloosa akalungi
akasanyusa MUKAMA Katonda, nga kye kiweebwayo ekyokye eky’ente eya
sseddume emu, n’endiga ennume ento emu, n’abaana b’endiga abalume
musanvu ab’omwaka ogumu ogw’obukulu, ebyo byonna nga tebiriiko
kamogo.
37 Ku nte ne ku ndiga ento ennume ne ku baana b’endiga, byonna
munaabiteekerateekerangako ebiweebwayo byako eby’emmere y’empeke
n’ebiweebwayo byako ebyokunywa ng’emiwendo egyalagirwa bwe giri.
38 Era munaawangayo embuzi emu ennume nga kye kiweebwayo
olw’ekibi, nga mwongerereza ku kiweebwayo ekyokebwa ekya bulijjo,
n’ekiweebwayo kyako eky’emmere y’empeke n’ekiweebwayo ekyokun-
ywa.
39 “Ebiweebwayo ebyo munaabiwangayo eri MUKAMA Katonda ku mbaga
entongole ezaategekebwa era ezaalagirwa; nga mubyongera ku biweeb-
wayo bye mweyama, n’ebya kyeyagalire, n’ebiweebwayo ebyokebwa,
n’ebiweebwayo eby’emmere y’empeke, n’ebiweebwayo ebyokunywa
n’ebiweebwayo olw’emirembe.”
40 Awo Musa n’ategeeza abaana ba Isirayiri buli kimu kyonna nga
MUKAMA Katonda bwe yamulagira Musa.

# 30

*Amateeka ku Bweyamo*

1 Musa n’agamba abakulembeze b’ebika by’abaana ba Isirayiri nti,
“Kino MUKAMA Katonda ky’alagidde:
2 Omusajja bw’aneeyamanga eri MUKAMA Katonda, oba
bw’anaalayiranga okutuukiriza ekisuubizo kye, ekigambo kye ekyo
taakimenyengawo, naye anaakolanga nga bw’anaabanga asuubizza.
3 “Omukazi omuvubuka anaabeeranga akyasula mu maka ga kitaawe,
bw’aneeyamanga eri MUKAMA Katonda, oba bw’anaalayiranga okutuuki-
riza ekisuubizo kye, kale, obweyamo bwe bwonna n’ebyo by’anaabanga
asuubizza binaasigalanga nga bwe biri.

4 Naye kitaawe bw'anaakiteegerangako, n'amuziyiza, kale, tewaabengawo n'ekimu ku ebyo by'anaabanga asuubizza ebinaasigalanga nga bwe biri.
5 Naye kitaawe bw'anaamugaananga ku lunaku lw'anaakiwulira, tewaabengawo ku bweyamo bwe newaakubadde bye yalayira bye yasuubiza ebinaatuukirizibwanga, MUKAMA Katonda anaabimusonyiwanga, kubanga kitaawe abimuziyizza.
6 "Bw'anaafumbirwanga ng'amaze okweyama ng'awaddeyo n'ebisuubizo nga tamaze kwerowooza,
7 bba n'abiwulirako, naye n'atabaako ky'ayogera; kale, obweyamo bw'omukazi oyo n'ebisuubizo bye, bye yalagira okubituukiriza, binaasigalanga nga bwe biri.
8 Naye singa bba bw'amala okubiwulirako n'amuziyiza, olwo obweyamo bw'omukazi oyo n'ebyo byonna bye yasuubiza nga teyeerowozezza, biba bifudde, era MUKAMA Katonda anaasonyiwanga omukazi oyo.
9 "Obweyamo n'ebisuubizo bwe binaakolebwanga nnamwandu oba omukazi eyayawukanira ddala ne bba mu bufumbo, binaasigalanga nga bwe biri.
10 "Omukazi ali mu bufumbo ng'abeera wamu ne bba mu maka gaabwe, bw'aneeyamanga oba n'asuubiriza ku kirayiro ng'alibaako by'atuukiriza,
11 bba n'abiwulirako, naye n'atabaako ky'agamba mukazi we, n'atamuziyiza; kale, obweyamo bw'omukazi oyo bwonna bunaasigalangawo, ne buli kimu kyonna kye yasuubiza ne yeerayirira, binaasigalangawo.
12 Naye bba bw'anaabanga abiwuliddeko, kyokka n'abidibya n'abisazaamu, olwo tewaabengawo bweyamo oba ebisuubizo ebyava mu kamwa k'omukazi, ebinaasigalangawo, era MUKAMA Katonda anaabimusonyiwanga.
13 Bba anaayinzanga okukakasa oba okudibya obweyamo bwonna mukazi we bw'anaabanga akoze n'ebisuubizo byonna by'anaabanga yeerayiridde ebirimu n'okwerumya n'okwefiiriza.
14 Naye bba bw'ataabengako ne kyabyogerako nga ky'ajje abiwulire, olwo omukazi anaabanga akakasizza obweyamo bwe bwonna n'ebisuubizo bye yeerayirira. Bba anaabikakasanga bw'ataabengako ky'ategeeza mukazi we bw'anaabanga yaakamala okubiwulirako.
15 Naye bwe wanaayitangawo ennaku ng'amaze okubiwulirako, oluvannyuma n'alyoka abidibya, y'anaavunaanyizibwanga ku bitatuukiridde mu bweyamo bw'omukazi oyo."
16 Ago ge mateeka MUKAMA Katonda ge yalagira Musa aganaakwatanga ku musajja ne mukazi we, era ne kitaawe w'omuwala ne muwala we anaabanga akyali omuvubuka ng'akyasula mu nju ya kitaawe.

# 31

*Okutta Abamidiyaani*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Woolera eggwanga ly'abaana ba Isirayiri ku Bamidiyaani, oluvannyuma olyoke ogende abantu bo bonna gye balaga."
3 Awo Musa n'agamba abantu nti, "Muyungule okuva mu mmwe abasajja abalwanyi mubawe ebyokulwanyisa, beetegekere olutalo, batabaale Midiyaani bawoolere eggwanga lya MUKAMA Katonda ku Midiyaani.

4 Mu buli kika kya Isirayiri mujja kuggyamu abasajja lukumi abanaagenda okutabaala."

5 Awo ne baleeta okuva ku nkumi za Isirayiri abasajja lukumi okuva mu buli kika be balwanyi omutwalo gumu mu enkumi bbiri abeetegekera olutabaalo.

6 Musa n'abasindika mu lutalo, abalwanyi lukumi nga bava mu buli kika; ne Finekaasi mutabani wa Eriyazaali kabona, n'ebintu by'omu watukuvu n'amakondeere ag'okulwana ng'ali nago.

7 Ne batabaala Midiyaani nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa, ne batta buli musajja.

8 Mu battibwa mwe mwagendera ne bakabaka ba Midiyaani bano abataano: Evi, ne Lekemu, ne Zuuli, ne Kuula, ne Leeba. Balamu mutabani wa Byoli naye baamuttiramu n'ekitala.

9 Abaana ba Isirayiri ne bawamba abakazi ba Midiyaani n'abaana baabwe, ne banyaga ente n'ebisibo byabwe n'ebintu ebirala bingi.

10 Baayokya ebibuga by'Abamidiyaani mwe baabeeranga, awamu n'ensiisira zaabwe zonna.

11 Baatwala omunyago gwonna, nga mulimu n'abantu n'ensolo;

12 ne babireeta awali Musa ne Eriyazaali kabona n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri mu lusiisira lwabwe olwali mu nsenyi za Mowaabu eziri ku mugga Yoludaani okutunuulira emitala wa Yeriko.

13 Musa ne Eriyazaali kabona n'abakulembeze mu kibiina bonna ne bagenda okusisinkana abatabaazi ebweru w'olusiisira.

14 Musa n'anyiigira abakulembeze b'eggye, abaduumizi b'ebikumi n'abaduumizi b'enkumi abaakomawo nga bava mu lutabaalo.

15 Musa n'ababuuza nti, "Abakazi bonna temubasse?

16 Mumanyi nga be baaleetera abaana ba Isirayiri okujeemera MUKAMA Katonda e Peoli bwe baakolera ku magezi Balamu ge yabawanga, kawumpuli amale alumbe ekibiina kya MUKAMA.

17 Kale nno mutte buli mulenzi mu baana abato, era mutte na buli mukazi eyali yeegasseeko n'omusajja.

18 Naye abawala abato abatamanyanga musajja, mubeeterekere.

19 "Musiisire ebweru w'olusiisira okumala ennaku musanvu. Buli omu mu mmwe eyatta omuntu yenna, n'oyo eyakwatako ku gwe basse, mwetukuze awamu n'abanyage bammwe ku lunaku olwokusatu ne ku lunaku olw'omusanvu.

20 Mutukuze buli kyambalo ne buli kintu ekyakolebwa mu maliba, oba mu bwoya bw'embuzi oba mu muti."

21 Awo Eriyazaali kabona n'agamba abasajja abaatabaala nti, "Lino lye tteeka MUKAMA Katonda ly'alagidde Musa:

22 Zaabu, ne ffeeza, n'ekikomo, n'ekyuma, n'ebbaati, n'essasi

23 n'ekirala kyonna ekigumira omuliro mukiyise mu muliro kiryoke kibeere ekirongoofu. Naye era kisaana okulongoosebwa n'amazzi agalongoosa. Ebyo byonna ebitaasobole kuyita mu muliro biyisibwe mu mazzi ago.

24 Ku lunaku olw'omusanvu mwozanga engoye zammwe, mulyoke mubeere abalongoofu. Ebyo nga biwedde mulyoke muyingire mu lusiisira."

### *Okugabana Omunyago*

25 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,

26 “Ggwe ne Eriyazaali kabona, n’abakulembeze b’empya ez’omu kibiina
mubale obungi bw’omunyago ogwaleetebwa omuli abantu n’ebisolo.
27 Omunyago gugabanyeemu mu bitundu bibiri: eky’abatabaazi abaal-
wana olutalo n’ekyabaasigala mu kibiina.
28 Munaggya ku basajja abaatabaala ekitundu kimu ku buli bikumi
bitaano, nga gwe musolo gwa MUKAMA Katonda, oba bantu, oba nte, oba
ndogoyi, oba ndiga oba mbuzi.
29 Omusolo ogwo mujja kuguggya ku kitundu ekya wakati ekinaagaban-
ibwa abatabaazi mukiwe Eriyazaali kabona nga kye kitundu kya MUKAMA
Katonda.
30 Ku munyago gw’abaana ba Isirayiri abasigaddewo munaggyako
ekitundu kimu ku bitundu ataano, oba bantu, oba nte, oba ndogoyi, oba
ndiga oba mbuzi oba ensolo endala zonna. Ebyo mujja kubiwa Abaleevi,
abalabirira Weema ya MUKAMA.”
31 Bwe batyo Musa ne Eriyazaali bwe baakola, nga MUKAMA Katonda
bwe yalagira Musa.
32 Omunyago ogwasigalawo abatabaazi gwe beetwalira gwali bwe guti:
Endiga, emitwalo nkaaga mu musanvu mu enkumi ttaano (675,000).
33 Ente, emitwalo musanvu mu enkumi bbiri (72,000).
34 Endogoyi, emitwalo mukaaga mu lukumi (61,000),
35 n’abakazi abatamanyangako basajja emitwalo esatu mu enkumi bbiri
(32,000).

36 Ekitundu eky’omu makkati eky’omunyago eky’abo abaatabaala
kyali bwe kiti:

Endiga, obusiriivu busatu mu emitwalo esatu mu kasanvu mu bitaano (337,500);
37 ku ezo kwaliko ez’omusolo gwa MUKAMA Katonda lukaaga mu nsavu mu ttaano (675).
38 Ente, emitwalo esatu mu kakaaga (36,000), ng’ez’omusolo gwa MUKAMA Katonda nsanvu mu bbiri (72).
39 Endogoyi, emitwalo esatu mu bitaano (30,500), ng’ez’omusolo gwa MUKAMA Katonda zaali nkaaga mu emu (61).
40 Abantu omutwalo gumu mu kakaaga (16,000); ng’ab’omusolo gwa MUKAMA Katonda baali amakumi asatu mu babiri (32).

41 Omusolo gwa MUKAMA, Musa n’aguwa Eriyazaali kabona, nga
MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.
42 Ekitundu eky’omu makkati eky’omunyago ogwaweebwa abaana ba
Isirayiri nga Musa amaze okuggyako ogw’abatabaazi abaalwana mu
lutalo,
43 ekitundu ekyo kyali bwe kiti: Endiga, emitwalo asatu mu esatu mu
bitaano (337,500);
44 Ente, emitwalo esatu mu kakaaga (36,000);
45 Endogoyi, emitwalo esatu mu bitaano (30,500);
46 n’abantu omutwalo gumu mu kakaaga (16,000).
47 Ekitundu eky’omugabo eky’abaana ba Isirayiri, Musa n’aggyako
ekitundu kimu ku buli bitundu ataano byombi eby’abantu n’eby’ebisolo,
n’abiwa Abaleevi abaalabiriranga Weema ya MUKAMA, nga MUKAMA bwe
yalagira Musa.

### *Ebiweebwayo by’Abakulembeze b’Eggye*

48 Awo abakulembeze b'ebibinja mu ggye abaaduumiranga ebikumi n'abaaduumiranga enkumi, ne bajja eri Musa,

49 ne bamugamba nti, “Abaweereza bo tubaze abatabaazi bonna be tutwala, nga tewaliiwo n'omu abulawo.

50 Noolwekyo tuleetedde Mukama Katonda ekiweebwayo nga kya bintu ebya zaabu buli omu ku ffe bye yanyaga; mwe muli ebikomo eby'oku mikono, emikuufu egy'oku magulu, empeta z'oku ngalo n'empeta ez'omu matu n'obutiiti obw'omu bulago, twetangiririre mu maaso ga Mukama Katonda.”

51 Musa ne Eriyazaali kabona, ne bakkiriza ebyaleetebwa omwali zaabu n'ebyomuwendo ebirala byonna.

52 Zaabu yenna abaduumizi b'enkumi, n'abaduumizi b'ebikumi gwe baleeta eri Musa ne Eriyazaali kabona, okuwaayo eri Mukama Katonda, yali apima obuzito bwa kilo kikumi mu kyenda.

53 Buli mutabaazi yali yeenyagiddeyo ebintu ebibye ku bubwe.

54 Awo Musa ne Eriyazaali kabona ne baddira zaabu eyaleetebwa abaduumizi b'enkumi n'abaduumizi b'ebikumi, ne bamuleeta mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, okubeeranga ekijjukizo eri abaana ba Isirayiri mu maaso ga Mukama Katonda.

# 32

*Ekika kya Lewubeeni n'ekya Gaadi Bituula mu Gireyaadi*

1 Batabani ba Lewubeeni ne batabani ba Gaadi baalina amagana g'ente n'ebisibo by'endiga; ebisolo byabwe nga bingi nnyo. Baatunuulira ensi ya Yazeri n'ensi ya Gireyaadi, ne balaba ng'ekitundu ekyo kituufu okulundiramu ebisolo byabwe.

2 Ne bajja awali Musa ne Eriyazaali kabona, n'eri abakulembeze b'ekibiina ne babagamba nti,

3 “Ebitundu bino: Atalisi, ne Diboni, ne Yazeri, ne Nimula, ne Kesuboni, ne Ereyale, ne Sebamu, ne Nebo ne Beoni,

4 bye bitundu by'ensi Mukama Katonda gye yawangulira mu maaso g'abaana ba Isirayiri, nsi nnungi okulundiramu; ate ng'abaweereza bammwe tulina ebisolo byaffe bingi.”

5 Ne bagamba nti, “Bwe kuba nga kwe kusiima kwammwe, mukkirize ebitundu by'ensi bino bituweebwe, ffe abaweereza bammwe, bibeere obutaka bwaffe. Temutusomosa Yoludaani.”

6 Musa n'agamba batabani ba Gaadi ne batabani ba Lewubeeni nti, “Mwagala baganda bammwe bagende batabaale, nga mmwe mwetuulidde wano?

7 Lwaki abaana ba Isirayiri mwagala okubamalamu amaanyi mu mitima gyabwe mubalemese okuyingira mu nsi Mukama Katonda gy'abawadde?

8 Ne bakadde bammwe bwe baakola bwe nabatuma okuva e Kadesubanea okuketta ensi.

9 Kubanga bwe baayambuka mu Kiwonvu ekya Esukoli, ensi ne bagiraba, ne bayeengebula emitima gy'abaana ba Isirayiri baleme okugenda okuyingira mu nsi Mukama Katonda gye yali abawadde.

10 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku lunaku olwo, n'alayira nti,

11 ‘Olw'okubanga tebaŋŋondedde n'omutima gwabwe gwonna, tewalibaawo n'omu ku basajja ab'emyaka okuva ku myaka makumi abiri okweyongerayo egy'obukulu, abaasimbuka okuva mu Misiri, aliraba ku nsi gye nalayira okuwa Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo;

12 tewalibaawo n'omu okuggyako Kalebu mutabani wa Yefune Omuk-
enizi*, ne Yoswa mutabani wa Nuuni, kubanga abo baagondera MUKAMA
Katonda n'omutima gwabwe gwonna.'
13 Obusungu bwa MUKAMA Katonda ne bubuubuukira Isirayiri,
n'abatambuliza mu ddungu okumala emyaka amakumi ana, okutuusa
omulembe gw'abo abaasobya mu maaso ga MUKAMA lwe gwaggweerera.
14 "Kale nno mmwe muli bazzukulu baabwe, batabani b'abakozi b'ebibi,
nga mwongera okunakuwaza MUKAMA Katonda anyiigire Isirayiri!
15 Kubanga singa mumukuba amabega ne mutakola by'ayagala ne
mutamugoberera, abantu be ajja kwongera okubeesammulako, nate
abaleke mu ddungu omulundi ogwokubiri, era bwe balizikirira mwe
mulibaako obuvunaanyizibwa obwo."

*Ebika Ebirala Bigabana ku Bugwanjuba bwa Yoludaani*

16 Ne bamusemberera ne bamuddamu nti, "Twagala tuzimbe wano
ebiraalo eby'ebisibo by'ebisolo byaffe, tuzimbe n'ebigo eby'abaana baffe
abato.
17 Naye ffe tubagalire ebyokulwanyisa, tukulembere abaana ba Isirayiri
tubatuuse mu bifo byabwe. Olwo abaana baffe abato balisigala mu bibuga
bye tuzimbyeko ebigo ebinywevu, kubanga mu nsi muno mulimu abantu
baamu.
18 Tetugenda kudda mu maka gaffe okutuusa ng'abaana ba Isirayiri buli
omu amaze okuweebwa obutaka bwe.
19 Ffe tetugenda kugabana nabo ku butaka obwo obuli emitala wa
Yoludaani n'okweyongerayo; kubanga obutaka bwaffe tuliba tubufunye
ku ludda luno olwa Buvanjuba bwa Yoludaani."
20 Awo Musa n'abagamba nti, "Bwe munaakola bwe mutyo, ne mukwata
ebyokulwanyisa mu maaso ga MUKAMA Katonda nga mwetegekedde
olutalo,
21 ne musomoka Yoludaani n'ebyokulwanyisa byammwe mu maaso ga
MUKAMA Katonda, okutuusa ng'agobye abalabe be mu maaso ge,
22 n'ensi ng'ewanguddwa mu maaso ga MUKAMA Katonda, olwo muliy-
inza okukomawo nga temuliiko kya kuvunaanyizibwa eri MUKAMA n'eri
Isirayiri. Ekitundu ky'ensi kino ne kibeera omugabo gwammwe mu maaso
ga MUKAMA.
23 "Naye bwe mutalikola bwe mutyo, muliba musobezza nnyo awali
MUKAMA Katonda, era mutegeerere ddala ng'ekibi kyammwe ekyo kirib-
ayigga ne kibakwasa.
24 Kale muzimbire abaana bammwe abato ebibuga eby'ebigo ebinyw-
evu, n'ebisolo byammwe mubizimbire ebiraalo, era mukole n'ebyo bye
musuubizza."
25 Abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni ne bagamba Musa nti, "Ffe
abaweereza bo tujja kukola nga ggwe mukama waffe bw'otulagidde.
26 Abaana baffe abato ne bakazi baffe, n'ebisibo byaffe eby'endiga
n'ebiraalo byaffe eby'ente byonna bijja kusigala wano mu bibuga bya
Gireyaadi.
27 Naye abaweereza bo, buli musajja eyeewaddeyo okutabaala ajja
kusomoka alwanire mu maaso ga MUKAMA Katonda, nga ggwe mukama
waffe bw'ogambye."

*Ekitundu ky'Ekika kya Manase kisigala mu Gireyaadi*

* **32:12** Okusinziira ku *Olubereberye 15:19 ne 36:11* Abakenizi baali Bakanani, era nga bazzukulu ba Esawu.

28 Awo Musa n'abawaako ebiragiro eri Eriyazaali kabona, n'eri Yoswa mutabani wa Nuuni, n'eri abakulembeze b'empya ez'omu bika by'abaana ba Isirayiri.
29 Musa n'agamba nti, "Batabani ba Gaadi ne batabani ba Lewubeeni, buli musajja eyeetegese okutabaala mu maaso ga MUKAMA Katonda, bwe balisomoka nammwe Yoludaani, n'ensi eri mu maaso gammwe n'ewangulwa, kale mubawanga ensi ya Gireyaadi okubeera omugabo gw'obutaka bwabwe.
30 Naye bwe basomokanga nammwe nga tebalina byakulwanyisa, kale baligabanira wamu nammwe eby'obutaka bwabwe mu nsi ya Kanani."
31 Batabani ba Gaadi ne batabani ba Lewubeeni ne baddamu nti, "Ffe abaweereza bo tujja kukola nga MUKAMA bw'atugambye.
32 Tujja kusomokera mu maaso ga MUKAMA Katonda tuyingire mu nsi ya Kanani nga twesibye ebyokulwanyisa, naye omugabo gwaffe ogw'obutaka bwaffe gujja kusigala ku ludda luno olwa Yoludaani."
33 Awo Musa n'abagabira, abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni, n'ekitundu ky'ekika kya Manase mutabani wa Yusufu, obwakabaka bwa Sikoni kabaka w'Abamoli, n'obwakabaka bwa Ogi kabaka w'e Basani, n'abawa ensi n'ebibuga byamu, n'amatwale gaayo n'ebibuga byamu ebigyetoolodde.
34 Batabani ba Gaadi ne bazimba ebibuga bino: Diboni, ne Atalosi, ne Aloweri,
35 ne Aterosi Sofani, ne Yazeri, ne Yogubeka;
36 ne Besu Nimira, ne Besu Kalaani, nga bye bibuga ebiriko ebigo ebinywevu, ne bakola n'ebisibo by'ebisolo byabwe.
37 Batabani ba Lewubeeni ne bazimba ebibuga bino: Kesuboni, ne Ereyale, ne Kiriyasayimu,
38 ne Nebo, ne Baalu Myoni (amannya gaabyo gaakyusibwa), ne Sibima. Ebibuga bye baddaabiriza baabituuma amannya malala.
39 Abaana ba Makiri, mutabani wa Manase, ne bagenda e Gireyaadi, ensi eyo ne bagiwamba, ne bagobamu Abamoli abaagibeerangamu.
40 Bw'atyo Musa n'awa Gireyaadi, Makiri mutabani wa Manase, n'atuula omwo.
41 Yayiri mutabani wa Manase n'agenda ne yeetwalira obubuga obutonotono, n'abutuuma Kavosu Yayiri.
42 Ne Noba naye n'awamba Kenasi n'obwalo obukyetoolodde, n'akituuma Noba erinnya lye.

# 33

### *Olugendo lw'Abaana ba Isirayiri okuva e Misiri okutuuka e Kanani*

1 Bino bye bitundu by'olugendo lw'abaana ba Isirayiri olwabaggya mu nsi y'e Misiri mu bibinja byabwe, nga bakulemberwa Musa ne Alooni.
2 Musa yawandiika buli kitundu ky'olugendo we kyatandikiranga, nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira.

Bino bye bitundu ebyo:
3 Abaana ba Isirayiri baasitula okuva e Lamesesi ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'olubereberye, nga lwe lunaku oluddirira Embaga ey'Okuyitako. Baasitula n'obuvumu awatali kutya, nga beeyagala, ng'Abamisiri bonna babalaba bulungi;

4 ng'Abamisiri bwe baziika abaana baabwe ababereberye MUKAMA be yali abasseemu; kubanga MUKAMA Katonda yali asalidde bakatonda b'Abamisiri omusango okubasinga.

5 Abaana ba Isirayiri ne basitula okuva e Lamesesi ne basiisira e Sukkosi.

6 Ne bava e Sukkosi ne basiisira e Yesamu, eddungu we litandikira.

7 Bwe baava mu Yesamu ne baddako emabega ne batuuka e Pikakirosi ekiri ku buvanjuba bwa Baali Zefoni, ne basiisira okuliraana Migudooli.

8 Ne basitula okuva mu Pikakirosi ne bayita wakati mu Nnyanja Emyufu ne bagguka mu ddungu lya Yesamu; ne balitambuliramu ennaku ssatu ne basiisira e Mala.

9 Ne bava e Mala ne batuuka mu Erimu, awaali ensulo z'amazzi ekkumi n'ebbiri n'emiti emikindu nsanvu, ne basiisira awo.

10 Bwe baava mu Erimu ne basiisira okumpi n'Ennyanja Emyufu.

11 Ne bava ku Nnyanja Emyufu ne basiisira mu Ddungu Sini.

12 Bwe bava mu Ddungu Sini ne basiisira e Dofuka.

13 Ne bava e Dofuka ne basiisira e Yalusi.

14 Bwe bava e Yalusi ne basiisira e Lefidimu, awataali mazzi abantu okunywako.

15 Ne bava e Lefidimu ne basiisira mu Ddungu lya Sinaayi.

16 Ne bava mu Ddungu lya Sinaayi ne basiisira e Kiberosu Katava.

17 Bwe bava e Kiberosu Katava ne basiisira e Kazerosi.

18 Bwe bava e Kazerosi ne basiisira e Lisuma.

19 Ne bava e Lisuma ne basiisira e Limoni Perezi.

20 Bwe bava e Limoni Perezi ne basiisira e Libuna.

21 Ne bava e Libuna ne basiisira e Lisa.

22 Ne bava e Lisa ne basiisira e Kekerasa.

23 Bwe bava e Kekerasa ne basiisira ku Lusozi Seferi.

24 Bwe bava ku Lusozi Seferi ne basiisira e Kalada.

25 Ne bava e Kalada ne basiisira e Makerosi.

26 Ne bava e Makerosi ne basiisira e Takasi.

27 Bwe bava e Takasi ne basiisira e Tera.

28 Bwe bava e Tera ne basiisira e Misuka.

29 Ne bava e Misuka ne basiisira e Kasumona.

30 Ne bava e Kasumona ne basiisira e Moserosi.

31 Bwe bava e Moserosi ne basiisira e Beneyakani.

32 Ne bava e Beneyakani ne basiisira e Kolu Kagidugada.

33 Ne bava e Kolu Kagidugada ne basiisira e Yotubasa.

34 Ne bava e Yotubasa ne basiisira e Yabulona.

35 Ne bava e Yabulona ne basisira mu Ezyoni Geba.

36 Ne bava mu Ezyoni Geba ne basiisira e Kadesi mu Ddungu lya Zini.

37 Bwe baava e Kadesi ne basiisira ku Lusozi Koola, okuliraana n'ensi ya Edomu.

38 Awo Alooni kabona n'alinnya ku Lusozi Koola, nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira, n'afiira eyo, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogwokutaano, ng'abaana ba Isirayiri baakamaze emyaka amakumi ana kasookedde bava mu nsi y'e Misiri.

39 Alooni yali yakamaze emyaka egy'obukulu kikumi mu abiri mu esatu bwe yafiira ku Lusozi Koola.

40 Kabaka Omukanani ow'e Yaladi eyatuulanga mu bukiikaddyo obwa Kanani, n'awulira ng'abaana ba Isirayiri bajja.

41 Abaana ba Isirayiri ne basitula okuva ku Lusozi Koola, ne basiisira
e Zalumona.
42 Bwe baava e Zalumona ne basiisira e Punoni.
43 Ne bava e Punoni ne basiisira e Yebosi.
44 Ne bava e Yebosi ne basiisira mu Lye Abalimu, okuliraana ne
Mowaabu.
45 Ne bava mu Iyimu ne basiisira e Diboni Gadi.
46 Ne bava e Diboni Gadi ne basiisira e Yalumonu Dibulasaimu.
47 Ne bava e Yalumonu Dibulasaimu ne basiisira mu nsozi za Abalimu,
okuliraana Nebo.
48 Bwe baava mu nsozi za Abalimu ne basiisira mu nsenyi za Mowaabu
okuliraana n'omugga Yoludaani olwolekera Yeriko.
49 Ne basiisira mu nsenyi za Mowaabu nga bagendera ku mugga
Yoludaani okuva e Besu Yesimosi okutuuka e Yaberi Sitimu.

50 Awo MUKAMA Katonda n'ayogera ne Musa mu nsenyi za Mowaabu ku
mugga Yoludaani okwolekera Yeriko n'amugamba nti,
51 "Yogera n'abaana ba Isirayiri obagambe nti, Bwe musomokanga
omugga Yoludaani ne muyingira mu nsi ya Kanani;
52 mugobangamu abatuuze baamu bonna abagirimu kaakano. Muzik-
irizanga ebifaananyi byabwe byonna ebibajje n'ebiweese byonna; era
musaanyangawo ebifo byabwe ebigulumivu mwe basinziza.
53 Ensi eyo muligyetwalira, ne mugituulamu, kubanga ensi eyo
ngibawadde okubeera eyammwe ey'obwanannyini.
54 Ensi mugigabananga nga mukuba akalulu ng'ebika byammwe bwe
biri. Ekika ekinene kifunanga ekitundu eky'obutaka bwakyo kinene,
n'ekika ekitono kinaafunanga ekitundu kitono. Buli kye banaafunanga
ng'akalulu bwe kanaagambanga ng'ekyo kye kyabwe. Ensi mugiga-
bananga ng'ebitundu by'ebika byammwe eby'ennono eby'obujjajja bwe
biri.
55 "Naye abatuuze ab'omu nsi omwo bwe mutalibagobamu bonna, kale,
abo abalisigalamu bagenda kubafuukira enkato mu mmunye zammwe era
babeere maggwa mu mbiriizi zammwe. Balibateganya mu nsi omwo mwe
munaabeeranga.
56 Olwo bye ntegeka okukola bali, ndibikola mmwe."

# 34

*Ensalo za Kanani*

1 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
2 "Lagira abaana ba Isirayiri ng'obagamba nti, 'Bwe muyingiranga
mu Kanani, gye mbawa okuba ensi yammwe ey'obutaka bwammwe
obw'enkalakkalira, zino ze ziribeera ensalo zaayo:

3 " 'Ku bukiikaddyo, ensalo yammwe erizingiramu Eddungu lya Zini
n'ekibira ku mabbali ga Edomu. Ku luuyi lw'ebuvanjuba, ensalo
yammwe ey'oku bukiikaddyo eritandikira ku Nnyanja ey'Omunnyo
w'ekoma ku luuyi olw'ebuvanjuba,
4 n'eyambukira ku Kkubo lya Akulabbimu, n'eraga ku Zini n'ekoma
ku bukiikaddyo obwa Kadesubanea. Eriraga e Kazala Dali n'etuuka e
Yazimoni,
5 awo w'eriwetera n'egenda ku mugga Wadi ogw'e Misiri n'ekoma ku
Nnyanja Ennene.

6 Ku ludda olw'ebugwanjuba, olubalama lw'Ennyanja Ennene lwe lulibeera ensalo yammwe. Eyo y'eriba ensalo yammwe ey'ebugwanjuba.

7 Ku ludda olw'obukiikakkono, ensalo yammwe egenda kuva ku Nnyanja Ennene erage ku Lusozi Koola;

8 eve e Koola erage w'oyingirira Kamasi. Ensalo olwo eriraga e Zedada,

9 ne yeeyongerayo okutuuka e Zifuloni, n'ekoma mu Kazalenooni. Eyo
y'eriba ensalo yammwe ey'oku bukiikakkono.

10 Ensalo yammwe ey'ebuvanjuba erigoberera olunyiriri oluva e Kazalenooni okutuuka e Sefamu.

11 Ensalo n'eserengeta okuva e Sefamu okutuuka e Libula ku ludda
olw'ebuvanjuba bwa Yaini, n'ebalama amabbali g'ensozi ku ludda
olw'ebuvanjuba bw'Ennyanja y'e Kinneresi, y'ey'e Ggaliraaya.

12 Olwo ensalo n'egendera ku mugga Yoludaani n'ekoma ku Nnyanja
ey'Omunnyo.

> " 'Eyo y'eribeera ensi yammwe, n'ezo nga ze nsalo zaayo ku buli luuyi.' "

13 Awo Musa n'alagira abaana ba Isirayiri nti, "Ensi eyo muligibawa
okubeera obutaka bwabwe obw'enkalakkalira nga mukuba akalulu.
Mukama alagidde ensi eyo egabanibwe ebika omwenda n'ekitundu,

14 kubanga ab'empya z'ekika kya Gaadi n'ekya Lewubeeni, n'ab'empya
z'ekitundu ky'ekika kya Manase, baamala okugabana obutaka bwabwe.

15 Ebika ebyo ebibiri n'ekitundu byamala okugabana obutaka bwabyo
ku ludda olw'ebuvanjuba olw'Omugga Yoludaani ogwa Yeriko okutunuulira enjuba gy'eva."

### *Abasajja Abaalondebwa Okugabanyaamu Ensi*

16 Mukama Katonda n'agamba Musa nti,

17 "Gano ge mannya g'abasajja abalibagabanyizaamu ensi eyo okubeera
obutaka bwammwe: Eriyazaali kabona ne Yoswa mutabani wa Nuuni.

18 Era ojja kulonda mu buli kika omukulembeze omu okuyamba mu
kugabana ensi.

19 "Gano ge mannya gaabwe:

"Kalebu mutabani wa Yefune ng'ava mu kika kya Yuda.

20 Semweri mutabani wa Ammikudi ng'ava mu kika kya Simyoni.

21 Eridaadi mutabani wa Kisuloni ng'ava mu kika kya Benyamini.

22 Buki mutabani wa Yoguli ng'ava mu kika kya Ddaani.

23 Kanieri mutabani wa Efodi ng'ava mu kika kya Manase mutabani wa Yusufu.

24 Kemueri mutabani wa Sifutani ng'ava mu kika kya Efulayimu mutabani wa Yusufu.

25 Erizafani mutabani wa Palunaki nga ye mukulembeze okuva mu kika kya Zebbulooni.

26 Palutiyeri mutabani wa Azani
nga ye mukulembeze okuva mu kika kya Isakaali,

27 ne Akikuda mutabani wa Seromi nga ye mukulembeze okuva mu kika kya Aseri,

28 ne Pedakeri mutabani wa Ammikudi nga ye mukulembeze okuva mu kika kya Nafutaali.”

29 Abo be basajja MUKAMA be yalagira okugabanyaamu ensi ya Kanani okubeera obutaka bw’abaana ba Isirayiri.

# 35

### *Ebibuga by’Abaleevi*

1 Awo abaana ba Isirayiri bwe baali nga basiisidde mu nsenyi za
Mowaabu ku mugga Yoludaani, okwolekera Yeriko, MUKAMA Katonda
n’agamba Musa nti,
2 “Lagira abaana ba Isirayiri nti bawanga Abaleevi ebibuga
eby’okubeeramu, nga babiggya mu butaka bwabwe bwe baligabana
obw’enkalakkalira. Era babaweerangako n’amalundiro okwetooloola
ebibuga ebyo.
3 Kale, olwo balibeera n’ebibuga ebyokusulangamu, n’amalundiro
ag’ente zaabwe n’endiga zaabwe, awamu n’ensolo zaabwe endala
ezirundibwa.
4 “Amalundiro aganaaweebwanga Abaleevi ab’omu bibuga ebyo
ganaapimwanga obugazi okuva ku bbugwe w’ekibuga mita ebikumi bina
mu ataano.
5 Amalundiro ago ganaapimanga obuwanvu bwa mita lwenda ku
ludda olw’ebuvanjuba, ne mita lwenda ku ludda olw’ebugwanjuba, ne
mita lwenda ku luuyi olw’obukiikakkono, ne mita lwenda ku luuyi
olw’obukiikaddyo, ng’ekibuga kiri wakati. Ago ge ganaabanga amalundiro
gaabo ab’omu kibuga.

### *Ebibuga eby’Okuddukirangamu*

6 “Ku bibuga bye muligabira Abaleevi kugenda kubeerako ebibuga
mukaaga eby’okuddukirangamu, omuntu asse omuntu nga tagenderedde.
Okwo mulyoke mwongereko ebibuga amakumi ana mu bibiri.
7 Okutwalira awamu muliteekwa okugabira Abaleevi ebibuga amakumi
ana mu munaana, mubagattireko n’amalundiro.
8 Omuwendo gw’ebibuga bye muligabira Abaleevi gulyesigamizibwa ku
bunene n’obutono obwa buli busika obw’abaana ba Isirayiri. Ab’obusika
obunene muliwaayo ebibuga bingi, n’ab’obusika obutono muliwaayo
ebibuga bitono.”
9 Awo MUKAMA Katonda n’agamba Musa nti,
10 “Yogera eri abaana ba Isirayiri ng’obagamba nti, ‘Bwe musomokanga
omugga Yoludaani ne muyingira mu nsi y’e Kanani,
11 mweronderangamu ebibuga ebinaabanga ebibuga byammwe
eby’okuddukirangamu; ng’omwo omuntu asse omuntu nga tagenderedde
mw’anaddukiranga.
12 Bye binaabanga ebifo eby’obuddukiro okwewala omuwoolezi
w’eggwanga*, omuntu ateeberezebwa okuba omutemu alemenga okut-
tibwa nga tasoose kuwozesebwa mu maaso g’ekibiina.
13 Ebibuga ebyo omukaaga bye mugenda okuwaayo bye binaabanga
ebibuga byammwe eby’obuddukiro.

* **35:12** Omuwoolezi w’eggwanga Yabanga waaluganda wakumpi ddala.

14 Mugenda kuwaayo ebibuga bisatu ku ludda luno olw'ebuvanjuba
olwa Yoludaani, n'ebibuga bisatu mu Kanani, okubeeranga ebibuga
eby'obuddukiro.
15 Abaana ba Isirayiri n'abagenyi bammwe, n'abagwira abanaabeeranga
mu mmwe, mwenna munaddukiranga mu bibuga ebyo omukaaga. Kwe
kugamba nti omuntu yenna anattanga omuntu nga tagenderedde anad-
dukiranga omwo.'

16 " 'Omuntu bw'anaakubanga omuntu n'ekyuma n'amutta, oyo nga
mutemu; era omutemu anattirwanga ddala.
17 Era omuntu bw'anaabanga akutte ejjinja mu ngalo ze, n'akuba munne
n'ejjinja eryo, omutemu anattirwanga ddala.
18 Oba omuntu bw'anaabanga akutte ekyokulwanyisa eky'omuti mu
ngalo ze, ekiyinza okutta omuntu, n'akikubisa munne, munne n'afa, oyo
nga mutemu; era omutemu anattirwanga ddala.
19 Omuwoolezi w'eggwanga yennyini y'anattanga omutemu;
bw'anaamusisinkananga anaamuttanga.
20 Omuntu bw'anaabangako ekiruyi ku munne n'amufumita
ng'akigenderedde, olw'obukyayi, oba n'amwekwekerera
n'amukasuukirira ekintu ne kimukuba ne kimutta,
21 oba olw'obulabe bw'amulinako n'amukuba ekikonde, munne n'afa,
omuntu oyo amukubye ekikonde anaafanga; kubanga mutemu. Omu-
woolezi w'eggwanga y'anattanga omutemu oyo ng'amusisinkanye.

22 " 'Singa omuntu afumita munne mangwago, gw'atalinaako bulabe,
oba n'akasuka ekintu nga tagenderedde ne kimukuba,
23 oba n'ayiringisa ejjinja, eriyinza okutta omuntu, ne limugwako
nga tamulabye, n'afa; olwokubanga teyali mulabe we, era nga yali
tagenderedde kumulumya;
24 kale, olukiiko lw'ekibiina lunaasalangawo wakati we n'omuwoolezi
w'eggwanga, nga lugoberera amateeka gano nga bwe gali.
25 Omussi oyo olukiiko lw'ekibiina lunaamuwonyanga omuwoolezi
w'eggwanga, ne lumuleka n'abeeranga mu kibuga kye eky'obuddukiro
okutuusa Kabona Omukulu eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni
amatukuvu ng'amaze okufa.

26 " 'Naye omussi oyo bwe kanaamutandanga n'afulumako mu kibuga
kye eky'obuddukiro mwe yaddukira,
27 omuwoolezi w'eggwanga n'amala amusanga ebweru w'ekibuga ekyo,
n'amutta, omuwoolezi w'eggwanga taabengako musango gwa butemu.
28 Kubanga omussi oyo kinaamusaaniranga okubeera mu kibuga kye
eky'obuddukiro okutuusa nga Kabona Omukulu amaze okufa. Kabona
Omukulu anaamalanga kufa, omussi oyo n'addayo ewuwe mu bintu bye
eby'obutaka.

### *Amateeka ku Bujulizi n'Okununula*

29 " 'Gano ganaabeeranga mateeka gammwe ge munaakwatanga mu
mirembe gyammwe gyonna ne buli we munaabeeranga.
30 Omuntu bw'anattanga munne, ne wabaawo obujulizi, omutemu oyo
naye anaafanga. Naye tewaabengawo attibwa ku bujulizi obw'omuntu
omu yekka.

31 " 'Temukkirizanga mutango olw'okununula omussi asingiddwa omu-
sango ogw'obutemu n'asalirwa okuttibwa; anaateekwanga okuttibwa.

32 “ ‘Temukkirizanga mutango ogw’okununula omussi abeera mu kibuga
eky’obuddukiro, alyoke aveeyo addeyo ewuwe nga Kabona Omukulu
tannaba kufa.
33 “ ‘Temwonoonanga nsi gye mubeeramu. Okuyiwa omusaayi ky-
onoona ensi; okutangiririra ensi omuyiise omusaayi si kyangu, okuggyako
ng’etangiririrwa n’omusaayi gw’oyo eyayiwa omusaayi mu nsi omwo.
34 Temwonoonanga nsi mwe mubeera nange mwe mbeera, kubanga Nze,
MUKAMA Katonda, mbeera wakati mu baana ba Isirayiri.’ ”

# 36

### *Okufumbirwa kw’Abasika Abakazi*

1 Awo abakulembeze b’ennyumba z’empya ez’omu lunyiriri lwa
Gireyaadi, mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase, nga bava mu kika
kya Yusufu, ne bajja ne boogera ne Musa n’abakulembeze n’abazadde
b’abaana ba Isirayiri.
2 Ne bagamba nti, “MUKAMA Katonda yalagira mukama waffe, abaana ba
Isirayiri obagabanyizeemu ettaka ery’obusika bwabwe ng’okuba akalulu,
era n’akulagira ebyobusika ebya muganda waffe Zerofekadi abigabire
abaana be abawala.
3 Kale, nno, bwe balifumbirwa abalenzi abazaalibwa mu bika ebirala
eby’abaana ba Isirayiri, ebyobusika byabwe bigenda kuggyibwa ku
by’obusika obwa bajjajjaffe bigattibwe ku by’obusika obw’ebika abawala
abo gye banaabanga bafumbiddwa. Kale olwo ebyobusika bye twagabana
birituggyibwako.
4 Awo Omwaka gwa Jjubiri ogw’abaana ba Isirayiri bwe gunaatuukanga,
ebyobusika byabwe bigenda kugattibwanga ku bw’ebika abawala abo
gye banaabanga bafumbiddwa, n’eby’obutaka bwabwe nga bitoolebwa ku
butaka obwa bajjajjaffe obw’ensikirano.”
5 Awo Musa n’addamu abantu ng’ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali
n’alagira abaana ba Isirayiri nti, “Abava mu batabani ab’omu kika kya
Yusufu kye bagamba kituufu.
6 Kino kye kiragiro kya MUKAMA Katonda ku nsonga z’abawala ba
Zerofekadi: Mubaleke bafumbirwenga omusajja gwe baneesiimiranga,
naye omusajja oyo gwe banaafumbirwanga anaavanga mu kika kya
kitaabwe.
7 Mu by’obusika bw’abaana ba Isirayiri, tewaabengawo butaka
obw’obusika obunaggibwanga mu kika ekimu ne butwalibwa mu kika
ekirala, kubanga buli omu mu baana ba Isirayiri anaakuumanga butiribiri
obutaka obw’omu kika kye bw’anaabanga asikidde okuva ku bajjajjaabe.
8 Era buli mwana owoobuwala anaasikiranga obutaka mu kika kyonna
eky’abaana ba Isirayiri, anaateekwanga okufumbirwa omusajja ow’omu
kika kya kitaawe w’omuwala oyo; bwe kityo buli mwana wa Isirayiri
anaabeeranga n’obutaka obw’obusika bwa bakitaawe.
9 Noolwekyo tewaabengawo butaka obw’obusika obuggyibwa mu kika
ekimu ne butwalibwa mu kika ekirala; kubanga buli kika eky’abaana ba
Isirayiri kinaakuumanga butiribiri obutaka bw’obusika obw’ekika ekyo.”
10 Bwe batyo bawala ba Zerofekadi ne bakola nga MUKAMA bwe yalagira
Musa.
11 Bawala ba Zerofekadi bano: Maala, ne Tiruza, ne Kogula, ne Mirika,
ne Noowa, baafumbirwa batabani ba baganda ba bakitaabwe.

12 Baafumbirwa mu mpya za batabani ba Manase mutabani wa Yusufu, ebyobusika byabwe ne bisigala mu kika kya kitaabwe.

13 Ago ge mateeka n'ebiragiro MUKAMA Katonda bye yalagira Musa n'abituusa eri abaana ba Isirayiri nga bali mu nsenyi za Mowaabu ku mugga Yoludaani okwolekera Yeriko.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ekyamateeka Olwokubiri

### *Musa Ayogera nga Katonda bw'Anaakulembera Abayisirayiri*

1 Bino bye bigambo Musa bye yategeeza Abayisirayiri bonna nga bali
ku ludda olw'ebuvanjuba w'omugga Yoludaani mu ddungu, mu Alaba
okwolekera Sufu, wakati wa Palani ne Toferi, ne Labani, ne Kazerosi ne
Dizakabu.
2 Waliwo olugendo lwa nnaku kkumi na lumu* okuva e Kolebu†
okutuuka e Kadesubanea, ng'okutte ekkubo eriyitira ku Lusozi Seyiri.
3 Awo ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'ekkumi n'ogumu,
mu mwaka ogw'amakumi ana, Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri ebyo
byonna MUKAMA bye yamulagira okubabuulira.
4 Mu kiseera ekyo Musa yali amaze okuwangula Sikoni kabaka
w'Abamoli eyabeeranga mu Kesuboni, ne Ogi kabaka w'e Basani
eyabeeranga mu Asutaloosi ne mu Ederei.
5 Ku ludda lw'eyo olw'ebuvanjuba olw'omugga Yoludaani, mu nsi ya
Mowaabu, Musa n'atandika okulangirira amateeka gano ng'ayogera nti:

6 "MUKAMA Katonda waffe yatugamba nga tuli ku Kolebu nti, 'Ebbanga
lye mumaze ku lusozi luno limala;
7 kale musitule mukyuke, mutambule nga mwolekera ensi ey'ensozi
ey'Abamoli, ne mu baliraanwa baabwe yonna mu Alaba, mu nsozi, ne
mu bisenyi, ne mu Negebu, ne ku lubalama lw'ennyanja, ne mu nsi
ya Bakanani n'ey'Abalebanooni, okutuukira ddala ku mugga omunene,
Omugga Fulaati.
8 Mulabe, ensi eyo ngibawadde. Muyingire mwetwalire ensi eyo
MUKAMA Katonda gye yeerayirira okugiwa bajjajjammwe: Ibulayimu, ne
Isaaka, ne Yakobo; okugibawa bo n'ezzadde lyabwe eririddawo.'

### *Okulonda Abakulembeze*

9 "Mu biro ebyo nabagamba nti, 'Sisobola kubalabirira nzekka bw'omu.
10 MUKAMA Katonda wammwe abongedde nnyo obungi, ne muwera
nnyo; era, laba, kaakano muli ng'emmunyeenye ez'oku ggulu mu bungi
bwammwe.
11 Nsaba MUKAMA Katonda wa bajjajjammwe abongereko obungi
emirundi lukumi okusinga nga bwe muli leero, era abawenga omukisa
nga bwe yabasuubiza.
12 Kale, nze obw'omu nzekka nnaasobola ntya okwetikka omugugu
gwammwe ogwo oguzitowa bwe gutyo, n'okubamalirawo ennyombo
zammwe?
13 Kale nno, mwerondemu, mu buli kika kyammwe, ab'amagezi,
abategeevu era abalina obumanyirivu nga bassibwamu ekitiibwa, nange
nnaabakuza ne mbafuula abakulembeze bammwe.'
14 Nammwe mwanziramu nti, 'Ekintu ky'otuteeserezza ffe okukola
kirungi tukisiima.'
15 "Bwe ntyo ne nzirira abakulu b'ebika byammwe, nga basajja ba
magezi, abalina obumanyirivu, era abassibwamu ekitiibwa, ne mbalonda

---

* **1:2** Mu biro biri entambula yali ya njawulo † **1:2** Kolebu Erinnya ly'Olusozi Kolebu eddala ly'Olusozi Sinaayi.

okubeeranga abakulembeze bammwe; okubanga abafuzi b'enkumi, n'abalala ab'ebikumi, n'abalala ab'amakumi ataano, n'abalala ab'ekkumi, mu bika byammwe byonna.

16 Mu biro ebyo ne nkuutira abaabalamulanga nti, 'Muwulirizenga ensonga ezinaabaleeterwanga abooluganda, era musalengawo mu bwenkanya wakati w'owooluganda ne munne, era ne wakati we ne munnaggwanga gw'abeera naye.

17 Musalenga emisango awatali kyekubiira; abagagga n'abaavu nga mubawuliriza kyenkanyi. Endabika y'omuntu tebatiisanga, kubanga Katonda y'asala emisango gyonna. Bwe wabangawo omusango gwonna omukakanyavu muguleetanga gye ndi, nze nnaaguwuliranga.'

18 Mu biro ebyo ne mbakuutira ebintu byonna bye musaanira okukolanga."

### *Alipoota y'Abakessi*

19 Awo ne tusitula okuva e Kolebu, ne tuyita mu ddungu eddene ery'entiisa mwenna lye mwalaba, ne tukwata ekkubo eryatutwala mu nsi ey'ensozi ey'Abamoli, nga Mukama Katonda waffe bwe yatulagira; ne tulyoka tutuuka e Kadesubanea.

20 Ne mbagamba nti, "Mutuuse mu nsi ey'ensozi ey'Abamoli, Mukama Katonda waffe gy'atuwadde.

21 Laba, Mukama Katonda wo akuwadde ensi. Kale, yambuka ogyetwalire nga Mukama Katonda wa bajjajjaabo bwe yakugamba. Totya, so toggwaamu maanyi."

22 Awo mwenna ne mujja gye ndi, ne muŋŋamba nti, "Kirungi tutume abantu basooke okutuukako eyo gye tulaga, bakebere ensi bagyetegereze nga bw'eri; balyoke bakomewo batutegeeze ekkubo lye tusaanira okukwata, n'ebibuga bye tunaggukako."

23 Ekirowoozo ekyo kyandabikira nga kirungi, ne nkisiima; ne nnonda mu mmwe abasajja kkumi na babiri; nga mu buli kika muvaamu omusajja omu omu.

24 Baasitula ne bambuka mu nsi eyo ey'ensozi, ne batuuka mu kiwonvu Esukoli, ne bakiketta.

25 Ne banoga ku bibala eby'omu nsi omwo ne babituleetera; ne batutegeeza bwe bati nti, "Ensi Mukama Katonda waffe gy'atuwadde nnungi nnyo.

### *Okwemulugunya kwa Isirayiri*

26 "Naye ate ne mutayambuka, ne mujeemera ekiragiro kya Mukama Katonda wammwe.

27 Ne mwemulugunyiriza mu weema zammwe nga mugamba nti, 'Olwokubanga Mukama tatwagala, yatukyawa, kyeyava atuggya mu nsi y'e Misiri alyoke atuweeyo mu mukono gw'Abamoli batuzikirize.

28 Wa eyo gye tunaayambuka? Ebigambo bya baganda baffe abaagenda okuketta biyongobezza emitima gyaffe, bwe bagambye nti, Abantu abali eri banene, era bawanvu okutusinga ffe; ebibuga byayo binene nnyo, n'ebigo byabyo biwanvu bituukira ddala waggulu mu bire. Ate ne batabani ba Anaki‡ nabo twabalabayo.' "

29 Naye ne mbaddamu nti, "Temutekemuka mitima, so temubatya.

‡ **1:28** Anaki baali batuuze b'omu Kanani, era baayitibwanga gasajja.

30 MUKAMA Katonda wammwe bulijjo abakulembera, ye yennyini agenda kubalwaniriranga, nga bwe yabalwanirira mu Misiri nga mulabira ddala n'amaaso gammwe.
31 Era ne mu ddungu walabira ddala nga MUKAMA Katonda wo bwe yakusitula, nga kitaawe w'omwana bw'asitula mutabani we, n'akuyisa mu lugendo lwonna n'okukutuusa n'akutuusa mu kifo kino."
32 Newaakubadde ng'ebyo byonna byali bwe bityo, MUKAMA Katonda wammwe temwamwesiga,
33 songa ye, yabakulemberanga mu lugendo lwammwe lwonna, n'empagi ey'omuliro ekiro, n'ekire mu budde obw'emisana, n'okubalaganga ekifo we munaasiisiranga.
34 MUKAMA bwe yawulira ebigambo byammwe n'asunguwala nnyo, n'alayira nti,
35 "Tewalibaawo n'omu ku bantu bano, ab'omulembe guno omubi, aliraba ku nsi eyo ennungi gye nalayirira okuwa bajjajjammwe,
36 okuggyako Kalebu mutabani wa Yefune. Ye agenda kugiraba, era ndimugabira, awamu n'ezzadde lye, ensi gye yalinnyako ekigere kye; kubanga yagondera MUKAMA n'omutima gwe gwonna."
37 Nange MUKAMA yansunguwalira ku lwammwe, n'aŋŋamba nti, "Naawe toliyingira mu nsi omwo.
38 Wabula omuweereza wo Yoswa mutabani wa Nuuni ye aligiyingiramu. Mumuwagire, kubanga ye alikulembera abaana ba Isirayiri ne basikira ensi eyo.
39 Abaana bammwe abato be mwatiisanga nti bagenda kuwambibwa batwalibwe mu busibe, abaana bammwe abo, abaali batannayawulamu kirungi na kibi, be baliyingira mu nsi eyo. Ndigibawa, ne bagyetwalira ne bagyefunira.
40 Naye mmwe, musitule mukyuke, mukwate olugendo olw'omu ddungu nga mwolekera Ennyanja Emyufu."

### *Isirayiri Awangulwa mu Lutalo*

41 Ne mulyoka munziramu nti, "Twonoonye eri MUKAMA. Tujja kwambuka tulwane nga MUKAMA Katonda waffe bwe yatulagira." Awo buli musajja ne yeesiba ebyokulwanyisa bye eby'olutalo, nga mulowooza nti kyangu okwambuka mu nsi ey'ensozi.
42 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Bategeeze nti, 'Temwambuka kulwana, kubanga sijja kubeera nammwe. Abalabe bammwe bajja kubawangula.' "
43 Bwe ntyo ne mbagamba, naye ne mutawuliriza, ne mujeemera ekiragiro kya MUKAMA, ne mujjula amalala ne mwambuka mu nsi ey'ensozi.
44 Awo Abamoli abaabeeranga mu nsi eyo ey'ensozi, ne bavaayo ne babalumba, ne babagoba ng'enjuki bwe zikola, ne bababakubira mu Seyiri n'okubatuusiza ddala e Koluma.
45 Ne mukomawo, ne mukaabira mu maaso ga MUKAMA, naye MUKAMA n'atabawuliriza era ne bye mwamukaabirira n'atabibawa.
46 Bwe mutyo ne musigala e Kadesi, okumala ebbanga eryo lyonna lye mwabeera eyo.

## 2

### *Emyaka gye Baamala mu Ddungu*

1 Awo ne tukyuka ne tuddayo mu ddungu nga twolekera Ennyanja Emyufu, nga MUKAMA bwe yandagira. Ne tumala ennaku nnyingi nnyo nga tutambulira mu nsi ey'ensozi ey'e Seyiri.

2 MUKAMA n'aŋŋamba nti,

3 "Mu nsi eno ey'ensozi mutambuliddemu ekiseera kiwanvu, era kimala; kale kaakano mukyuke mulage mu bukiikakkono.

4 Abantu bawe ebiragiro bino nti, 'Muli kumpi okutuuka mu nsi ya baganda bammwe, abazzukulu ba Esawu ababeera mu Seyiri, bajja kubatya, kyokka mubeegendereza nnyo.

5 Temubasosonkerezaako lutalo, kubanga mmwe sijja kubawa ku ttaka lyabwe, wadde akatundu akatono awagya ekigere ky'omuntu. Kubanga ensi ey'ensozi eya Seyiri nagiwa dda Esawu okuba obutaka bwe obwenkalakkalira.

6 Mubagulangako emmere gye munaalyanga nga mugisasulira n'ensimbi, n'amazzi ag'okunywa nago nga mugasasulira ensimbi.' "

7 MUKAMA Katonda wo akuwadde omukisa mu mirimu gyonna gy'okola n'emikono gyo. Amanyi nti otambulira mu ddungu lino eddene ennyo bwe lityo. Era MUKAMA Katonda wammwe abadde akulabirira emyaka gino gyonna amakumi ana, ng'abeera naawe, era nga buli kye weetaaga akikuwa.

8 Bwe tutyo ne tweyongerayo mu lugendo lwaffe nga tuyita ku baganda baffe abazzukulu ba Esawu ababeera mu Seyiri. Ne tuleka ekkubo ly'Alaba eririnnyalinnya okuva Erasi ne Eziyonigeba, ne tukwata ekkubo eriyita mu ddungu lya Mowaabu.

9 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Abamowaabu temubasunguwaza wadde okubasosonkerezaako olutalo, kubanga sigenda mmwe kubawa ku ttaka lyabwe mu Ali, ettaka eryo namala dda okuliwa bazzukulu ba Lutti okubeera obutaka bwabwe."

10 Abemi be baabeeranga mu kitundu ekyo, nga basajja banene, nga ba maanyi, nga bangi nnyo, era nga bawanvu okwenkana nga Abanaki.

11 Baayitibwanga Baleefa okufaanana nga Abanaki bwe baayitibwanga, naye Abamowaabu nga bo babayita Bemi.

12 Mu biseera eby'edda Abakooli nabo baabeeranga mu Seyiri, okutuusa bazzukulu ba Esawu bwe baabasiguukulula ne babagobamu ne babazikiriza, ensi eyo ne bagyetwalira, bo ne bagibeeramu; okufaananako ng'Abayisirayiri bwe balikola mu nsi MUKAMA Katonda gye yabawa ey'obusika bw'obutaka bwabwe obw'enkalakkalira.

13 MUKAMA n'agamba nti, "Musituke musomoke akagga Zeredi." Ne tusomoka.

14 Olwo nga kasookedde tuva mu Kadesubanea okutuusa lwe twasomoka akagga Zeredi gyali giweze emyaka amakumi asatu mu munaana. Ekiseera ekyo we kyaggweerako ng'abasajja abalwanyi bonna mu lusiisira lw'abaana ba Isirayiri, ab'omu mulembe ogwo, nga bafudde baweddewo, nga MUKAMA Katonda bwe yabalayirira.

15 Kubanga MUKAMA Katonda yamalirira okubazikiriza n'omukono gwe okutuusa ng'abamaliddemu ddala mu lusiisira lwabwe.

16 Awo olwatuuka abasajja abalwanyi bonna bwe baamala okufa, nga bazikiridde baweddewo mu bantu,

17 MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti,

18 "Olwa leero munaasala ensalo ya Mowaabu mu Ali.

19 Naye bwe musemberera Abamoni temubasunguwaza so temubasosonkerezaako lutalo, kubanga mmwe sigenda kubawa ku ttaka

ly'Abamoni n'akatono okuba obutaka bwammwe, kubanga ettaka eryo namala dda okuliwa bazzukulu ba Lutti okubeera obutaka bwabwe obw'enkalakkalira."
20 Ekitundu ekyo era kyali kiyitibwa nsi ya Baleefa, kubanga Abaleefa be baabeerangamu naye Abamoni nga babayita Bazamuzumu.
21 Baali basajja ba maanyi era nga bangi nnyo, nga bawanvu ng'Abanaki. Naye MUKAMA Katonda n'abawaayo eri Abamoni ne babazikiriza, ne batwala ensi yaabwe ne bagituulamu.
22 Ne kifaananako nga MUKAMA bwe yazikiriza Abakooli abaalinga mu Seyiri, ensi yaabwe n'agiwa bazzukulu ba Esawu okuba obutaka bwabwe obw'enkalakkalira n'okutuusa leero.
23 Abavi abaabeeranga mu byalo ebyesuddeko okutuuka e Gaza, Abakafutoli abaava e Kafutoli bajja ne babazikiriza ne batwala ensi yaabwe bo ne bagibeeramu.
24 "Musituke mutambule muyite mu kiwonvu ekya Alunoni. Otegeere kino nga Sikoni Omwamoli Kabaka w'e Kesuboni mmugabudde mu mukono gwo n'ensi ye yonna. Kale tandika okumutabaala, n'ensi ye ogyetwalire efuukire ddala yiyo ya butaka bwo.
25 Okutandika n'olunaku lwa leero amawanga gonna ag'oku nsi nzija kugateekamu entiisa bakankane nga bawulidde ettutumu lyo babeere mu kutiitiira n'okunyolwa ku lulwo."

### *Okuwangula Sikoni Kabaka w'e Kesuboni*

26 Nga tuli mu ddungu ly'e Kedemosi natumira Sikoni Kabaka w'e Kesuboni n'obubaka obw'okuteesa emirembe nga mmugamba nti,
27 "Tukkirize tuyite mu nsi yo. Tujja kutambulira mu luguudo mwokka nga tetuwunjuseeko kulaga ku ludda olwa ddyo oba olwa kkono.
28 Onootuguzanga emmere gye tunaalyanga nga tugisasulira ensimbi, n'amazzi ge tunaanywangako, nago nga tugasasulira ensimbi. Naye tuleke tuyite mu nsi yo nga tutambula n'ebigere,
29 nga bazzukulu ba Esawu abaabeeranga mu Seyiri, n'Abamowaabu abaabeeranga mu Ali bwe baatuleka, okutuusa lwe tulimala okusomoka Yoludaani ne tutuuka mu nsi MUKAMA Katonda waffe gy'ategese okutuwa."
30 Naye Sikoni Kabaka wa Kesuboni n'atatukkiriza kuyitawo. Kubanga MUKAMA Katonda wammwe yali akakanyazizza omwoyo gwe era ng'awaganyazizza omutima gwe, alyoke amugabule mu mukono gwammwe nga bwe kiri leero.
31 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Laba, ntandise okugabula Sikoni n'ensi ye mu mukono gwo. Kale tandika okuwangula ensi ye yonna, olyoke ogyefunire okubeera obusika bwo era obutaka bwo obw'enkalakkalira."
32 Kabaka Sikoni n'eggye lye lyonna ne batulumba mu lutabaalo olw'e Yakazi.
33 MUKAMA Katonda waffe n'agabula Sikoni n'eggye lye lyonna, ne batabani be, mu mukono gwaffe ne tubawangula.
34 Mu kaseera ako twawamba ebibuga bye byonna ne tubizikiriza n'abantu bonna, abasajja, n'abakazi, n'abaana abato, tetwalekerawo ddala.
35 Naye ente ne tuzeetwalira awamu n'omunyago gwe twaggya mu bibuga bye twawamba.
36 Okuva ku Aloweri ekiri ku lukugiro lw'Ekiwonvu Alumoni, n'okuva ku kibuga ekiri mu kiwonvu ekyo, n'okutuukira ddala mu Gireyaadi,

tewaaliwo kibuga na kimu ekyatusukkirira amaanyi. MUKAMA Katonda
waffe byonna yabitugabula mu mukono gwaffe.
37 Naye ebifo, MUKAMA Katonda waffe bye yatulagira obutabisemberera,
y'ensi y'abazzukulu ba Amoni, ne ku mbalama zonna ez'omugga Yaboki,
n'ebibuga eby'omu nsi ey'ensozi; ebyo byo yatugaana okubikwatirako
ddala.

# 3

### *Okuwangula Ogi Kabaka w'e Basani*

1 Awo ne tukyuka ne twambukira mu kkubo eriraga e Basani. Ogi,
Kabaka w'e Basani, n'afuluma n'eggye lye lyonna n'ajja okututabaala mu
lutalo olwalwanirwa mu Ederei.
2 Naye MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Tomutya, kubanga oyo mmugabudde
mu mukono gwo ye n'eggye lye lyonna n'ensi ye. Kale, mukole nga bwe
wakola Sikoni Kabaka w'Abamoli abaabeeranga mu Kesuboni."
3 Bw'atyo MUKAMA Katonda waffe n'agabula ne Ogi Kabaka w'e Basani
mu mukono gwaffe awamu n'eggye lye lyonna. Ne tubatta bonna
obutalekaawo muntu n'omu.
4 Era mu kiseera ekyo ne tuwamba ebibuga bye byonna ne tubitwala.
Ebibuga enkaaga byonna tekwaliko kibuga na kimu kye tutaabatwalako,
ne tutwala amatwale gonna aga Alugobu ag'obwakabaka bwa Ogi mu
Basani.
5 Ebibuga ebyo byonna byali bizimbiddwa mu bigo eby'ebisenge
ebiwanvu, n'emizigo egy'emitayimbwa, ng'okwo kw'ogatta n'obubuga
obw'omu byalo obutaaliko bisenge.
6 Twabizikiririza ddala byonna nga bwe twakola ebya Sikoni kabaka
w'e Kesuboni, nga tuzikiriza buli kibuga n'abasajja bonna abaakirimu
n'abakazi n'abaana abato bonna.
7 Naye ente ne tuzeetwalira awamu n'omunyago gwe twaggya mu
bibuga bye twawamba.
8 Bwe tutyo mu kiseera ekyo ne tutwala ebitundu by'ensi byonna
ebyali ebya bakabaka bombi ab'Abamoli ebyali ku luuyi lw'ebuvanjuba
olw'omugga Yoludaani; okuva ku Kiwonvu Alunoni okutuuka ku Lusozi
Kerumooni.
9 Abasidoni nga Kerumooni baluyita Siriyooni, ate bo Abamoli nga
baluyita Seniri.
10 Twatwala ebibuga byonna ebyali mu kitundu ekya waggulu
ekitereevu ne Gireyaadi yonna ne Basani yonna okutuuka ku Saleka ne
Ederei, ng'ebyo byali bibuga eby'omu bwakabaka bwa Ogi mu Basani.
11 Ogi kabaka wa Basani ye yali asigaddewo ku Balefa. Ekitanda kye
kyakolebwa mu kyuma, nga kiriko mita nnya obuwanvu, n'obugazi bwa
mita emu n'obutundu munaana. Kikyaliyo mu Raba eky'Abamoni.

### *Okugabana Ensi*

12 Bwe twamala okwetwalira ebitundu by'ensi ebyo bye twawangula mu
kaseera ako, ne ngabira Abalewubeeni n'Abagaadi ekitundu ekyo ekiri ku
bukiikakkono okuva ku Aloweri n'okugendera ku mukugiro gw'Ekiwonvu
kya Alunoni, n'ekitundu ekyamakkati eky'ensi y'ensozi eya Gireyaadi,
awamu n'ebibuga byamu.
13 Ekitundu kya Gireyaadi ekyasigalawo, n'obwakabaka bwa Ogi obwa
Basani omugendera ne Alugabu, ne mbigabira ekitundu ky'ekika kya
Manase. Ekitundu kya Alugabu kyonna mu Basani, wonna nga wayitibwa
nsi ya Balefa.

14 Yayiri, ava mu Manase, yafuna ekitundu kyonna ekya Alugabu, era ye Basani, nga kyerambulula okutuukira ddala ku nsalo ey'Abagesuli n'Abamaakasi; n'akibbulamu erinnya lye, n'okutuusa leero ensi Basani eyitibwa Kavosu Yayiri.

15 Gireyaadi nagigabira Makiri.

16 Abalewubeeni n'Abagaadi ne mbagabira ekitundu ky'ensi ekiva ku Gireyaadi okuserengeta mu Kiwonvu kya Alunoni, nga mu makkati gaakyo ye nsalo, n'okutuukira ddala ku mugga Yaboki ogw'ensalo n'Abamoni.

17 Omugga Yoludaani nga ye nsalo ey'ebugwanjuba mu Alaba, okuviira ddala ku Kinneresi okutuuka ku Nnyanja ya Alaba, ye Nnyanja ey'Omunnyo, wansi w'olugulungujjo lw'olusozi Pisuga ku luuyi olw'ebuvanjuba.

18 Mu kiseera ekyo, mmwe ab'ekika kya Lewubeeni, n'ekya Gaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase, nabalagira nga mbagamba nti, "Mukama Katonda wammwe abawadde ekitundu ky'ensi kino okubeera obutaka bwammwe. Naye basajja bammwe bonna ab'amaanyi abazira nga beesibye ebyokulwanyisa, be balisooka baganda bammwe abaana ba Isirayiri okusomoka Yoludaani.

19 Kyokka, bakazi bammwe, n'abaana bammwe balisigala mu bibuga bye nabawa awamu n'ente zammwe ze mulina, ze mmanyi nga bwe ziri ennyingi,

20 okutuusa nga baganda bammwe bamaze okwetwalira ensi eri emitala w'omugga Yoludaani, Mukama Katonda wammwe gy'abawa; Mukama alyoke awe baganda bammwe ekiwummulo nga nammwe bwe yakibawa. Oluvannyuma mulikomawo mu butaka bwammwe bwe nabagabira."

21 Mu kiseera ekyo ne ndagira Yoswa, ne mmugamba nti, "Ebyo byonna Mukama Katonda wammwe byakoze bakabaka abo ababiri obyerabiddeko n'amaaso go gennyini. Bw'atyo Mukama bw'alikola obwakabaka bwonna obuli eyo gye mugenda.

22 Temubatyanga; kubanga Mukama Katonda wammwe yennyini y'anaabalwaniriranga."

### *Musa Agaanibwa Okutuuka mu nsi Ensuubize*

23 Mu kiseera ekyo ne neegayirira Mukama nga njogera nti,

24 "Ayi Mukama Katonda, otandise okundaga nze omuddu wo, omukono gwo ogw'amaanyi n'obukulu bwo obw'ekitiibwa. Kubanga katonda ki ali mu ggulu oba ali ku nsi asobola okukola ebyekyewuunyo bino byonna by'okola, n'emirimu egy'amaanyi bwe gityo gy'okola?

25 Nkusaba, nsomoke omugga Yoludaani, ŋŋende ndabe ku nsi ennungi bw'etyo eri emitala waagwo, ensi eyo ey'ensozi ezirabika obulungi, awamu ne Lebanooni."

26 Naye Mukama n'ansunguwalira nnyo ku lwammwe, bye namusaba n'atabiwuliriza. Mukama Katonda n'aŋŋamba nti, "Ebyo by'oyogedde bikumale; toddayo kwogera gye ndi nate ku nsonga eyo.

27 Yambuka waggulu ku ntikko y'olusozi Pisuga, ositule amaaso go otunule ebugwanjuba, ne ku bukiikakkono, n'ebuvanjuba ne ku bukiikaddyo. Weerabireko ku nsi eyo n'amaaso go gennyini, kubanga togenda kusomoka mugga guno Yoludaani.

28 Naye obuyinza bukwase Yoswa, omukuutire era omugumye afune amaanyi, kubanga y'agenda okukulembera abantu bano nga basomoka, era ye alibasobozesa okulya ensi eyo gy'ojja okulaba, okubeera obutaka bwabwe."

29 Bwe tutyo ne tubeera awo mu kiwonvu okumpi ne Besu Peoli.

# 4

*Musa Alagira Abantu Okuba Abawulize*

1 Kale nno kaakano, muwulire, Ayi Isirayiri, mutege amatu eri amateeka n'ebiragiro bye ŋŋenda okubayigiriza. Mubigonderenga era mubigoberererenga, muliba balamu, mulyoke muyingire mu nsi MUKAMA Katonda wa bajjajjammwe gy'abawa mugyetwalire ebeere obutaka bwammwe obw'enkalakkalira.

2 Temwongerangako ku mateeka ge mbalagira, so temugatoolangako, naye mukwatenga ebiragiro bya MUKAMA Katonda wammwe, bye mbategeeza.

3 Mwerabirako n'amaaso gammwe gennyini ebyo byonna MUKAMA bye yakola e Baali Peoli. Abo bonna mu mmwe abaagoberera, era ne basinza Baali e Peoli, MUKAMA Katonda wo yabazikiriza;

4 naye mmwe abaanywerera ku MUKAMA Katonda wammwe, mukyali balamu leero.

5 Kale, mulabe nno, mbayigirizza amateeka n'ebiragiro nga MUKAMA Katonda wange bwe yandagira, mulyoke mubigoberererenga nga mutuuse mu nsi gye mugenda okuyingiramu, n'okugyefunira ng'obutaka bwammwe obw'enkalakkalira.

6 Mugagoberererenga n'obwegendereza, kubanga ekyo kiriraga ensi endala obugezi bwammwe n'obutegeevu bwammwe. Ensi ezo bwe ziriwulira ku mateeka gano gonna zirigamba nti, "Ddala abantu b'eggwanga lino ekkulu bategeevu era ba magezi."

7 Kubanga ggwanga ki eddala ekkulu erimanyiddwa eririna bakatonda b'abantu baalyo okumpi n'abantu abo, nga ffe bwe tulina MUKAMA Katonda waffe, abeera okumpi naffe buli lwe tumukoowoola?

8 Era ggwanga ki eddala ekkulu erimanyiddwa eririna amateeka n'ebiragiro eby'obwenkanya nga bino bye nteeka mu maaso gammwe leero?

9 "Ekikulu, weekuume nnyo nga weerabirira mu ngeri gye weeyisaamu, olemenga kwerabira ebyo byonna amaaso go bye gazze galaba oleme okubiganya okuva mu mutima gwo ennaku zonna ez'obulamu bwo. Biyigirizenga abaana bo, nabo babiyigirizenga abaana baabwe.

10 Kirungi mujjukire nga bwe mwayimirira awali MUKAMA Katonda wammwe, ku lusozi Kolebu, bwe yaŋŋamba nti, 'Kuŋŋaanya abantu bonna obandeetere wano we ndi, bawulire ebigambo byange, balyoke bayige okumpulira nga bantya; banzisengamu ekitiibwa ennaku zonna ze balimala ku nsi, era ebigambo ebyo babiyigirizenga abaana baabwe.

11 Mwasembera ne muyimirira wansi w'olusozi, ne mulaba nga lwaka omuliro ogwatuukira ddala waggulu ku ggulu, nga gwetooloddwa ebire n'ekizikiza ekikutte.'

12 Bw'atyo MUKAMA Katonda n'ayogera nammwe ng'asinziira wakati mu muliro. Mwawulira envuga y'ebigambo bye, naye ekikula kye temwakiraba; mwakoma ku ddoboozi lyokka.

13 Yabategeeza endagaano ye eyali mu Mateeka Ekkumi, ge yawandiika ku bipande by'amayinja ebibiri, n'abalagira okugagobereranga.

14 Era mu kaseera ako MUKAMA Katonda n'andagira mbayigirize amateeka n'ebiragiro bye musaana okugonderanga, nga muli mu nsi gye mugenda okwefunira ng'obutaka bwammwe obw'enkalakkalira, nga mumaze okusomoka Yoludaani.

*Okusinza Bakatonda abalala Kuwerebwa*

15 “Ku lunaku olwo MUKAMA Katonda bwe yayogera gye muli ng’asinziira wakati mu muliro ku lusozi Kolebu, temwalaba kikula kye kya ngeri yonna. Noolwekyo mwekuumenga nnyo,

16 mulemenga okweyonoona nga mwekolera bakatonda abalala, aba buli ngeri, abali mu bifaananyi ebiri ng’omusajja oba ng’omukazi,

17 oba ebifaanana ng’ensolo ez’oku nsi, oba ng’ennyonyi ezibuuka mu bbanga,

18 oba ebifaanana ng’ebiramu byonna ebitambulira wansi oba ebyekulula ku ttaka; oba ebifaanana ng’ebyennyanja ebiri mu mazzi agali wansi w’ettaka.

19 Era weekuumenga nnyo bw’onooyimusanga amaaso go okutunula waggulu ku ggulu, n’olaba enjuba, n’omwezi n’emmunyeenye, n’ebitiibwa byabyo, n’osendebwasendebwa n’obiweereza, era n’obivuunamira n’obisinza; songa ebyo byonna bye bintu MUKAMA Katonda wo bye yawa amawanga gonna agali wansi w’eggulu.

20 Naye mmwe, MUKAMA yabaggya mu Misiri, mu mbiga esaanuusa ebyuma, mubeerenga bantu be ab’obusika bwe, nga bwe muli leero.

21 “Ate n’ekirala, MUKAMA yansunguwalira ku lwammwe, ne yeerayirira nti nze sigenda kusomoka mugga ogwo Yoludaani nnyingire mu nsi eyo ennungi MUKAMA Katonda wammwe gy’abawa okubeera obusika bwammwe.

22 Naye nze kinsaanira okufiira wano mu nsi eno kaakano mwe tuli, sigenda kusomoka mugga Yoludaani; naye mmwe muligusomoka ne mwefunira ensi eyo ennungi okubeera obutaka bwammwe obw’enkalakkalira.

23 Mwegenderezanga nnyo ne muteerabira ndagaano ya MUKAMA Katonda wammwe gye yakola nammwe. Temwekoleranga bitali Katonda mu kufaanaanyiriza okw’ekintu kyonna MUKAMA Katonda wo kye yakugaana okukola.

24 Kubanga MUKAMA Katonda wo muliro ogwokya ne gusaanyaawo, ye Katonda ow’obuggya.

### *Ekibonerezo olw’Okusinza Bakatonda Abalala*

25 “Bw’olimala okuzaala abaana ng’ofunye n’abazzukulu, era nga mu nsi omwo mumazeemu emyaka mingi nga mukaddiye; ne mugenda mweyonoonanga nga mwekolera bakatonda abalala ab’engeri zonna, ne mukolanga ebibi mu maaso ga MUKAMA Katonda wo ne mumusunguwazanga,

26 nkoowoola eggulu n’ensi okubeera abajulirwa bange ku lunaku lwa leero nga mbakuutira mmwe nti, Bwe muneeyonoonanga bwe mutyo, muliggweerawo ddala mu nsi eyo gye mugenda okwefunira okuba obutaka bwammwe, nga mumaze okusomoka Yoludaani. Muligibeeramu akabanga katono ne muzikirizibwa mwenna.

27 MUKAMA anaabasaasaanyanga mu mawanga amalala, era erisigalayo batono mu mmwe abalibeera mu nsi ezo MUKAMA Katonda gy’anaabanga abasindiikirizza.

28 Nga muli eyo munaasinzanga bakatonda abakolebwa n’emikono gy’abantu, mu miti ne mu mayinja, abatayinza kulaba, oba okuwulira oba okulya, wadde okuwunyiriza.

29 Naye ng’oli eyo, bw’onoonoonyanga MUKAMA Katonda wo, onoomulabanga, singa onoomunoonyanga n’omutima gwo gwonna awamu n’omwoyo gwo gwonna.

30 Ebintu ebyo byonna bwe binaakutuukangako n'olaba ennaku
nnyingi, olwo onookomangawo eri MUKAMA Katonda wo mu biseera
eby'oluvannyuma, n'omugonderanga.
31 Kubanga MUKAMA Katonda wo ajjudde okusaasira, taakusuulirirenga
wadde okukuzikiriza, oba okwerabira endagaano ye gye yakola ne
bajjajjaabo gye yabalayiririra.

*Isirayiri, Eggwanga Eddonde*

32 "Kale, weebuuze leero ku byafaayo eby'ebiro eby'edda, nga naawe
tonnabeerawo, okuva ku lunaku Katonda lwe yatonderako omuntu
n'amuteeka ku nsi; weebuuze okuva ku luuyi olumu olw'eggulu okutuuka
ku luuyi olulala. Waali wabaddewo ekintu ekikulu nga kino, oba waali
wabaddewo akiwulirako?
33 Abantu abamawanga amalala baali bawuliddeko ku ddoboozi lya
Katonda ng'ayogerera mu muliro, ne basigala nga bakyali balamu, nga
mmwe bwe mwaliwulira ne muba balamu?
34 Nantiki, waali wabaddewo katonda eyali agezezzaako okwetwalira
eggwanga erimu ng'aliggya wakati mu ggwanga eddala, ng'ataddewo
ebigezo, n'okukola ebyamagero, n'obubonero, n'ebyewuunyo, n'entalo,
ng'alaga omukono gwe ogw'amaanyi, n'omukono gwe omuwanvu; oba
n'ebikolwa ebinene ebitiisa, okufaanana ng'ebintu MUKAMA Katonda
wammwe bye yabakolera nga muli mu Misiri, nga mwenna mutunula?
35 "Walagibwa ebintu ebyo byonna olyoke otegeere nga MUKAMA ye
Katonda; era nga awatali ye tewali mulala.
36 Yakuleka n'owulira eddoboozi lye nga liva mu ggulu alyoke akuyig-
irize. Yakulaga omuliro gwe omungi ennyo ku nsi, n'owulira ebigambo
bye nga biva mu muliro ogwo.
37 Olw'okubanga yayagala nnyo bajjajjaabo naawe muzzukulu waabwe
eyabaddirira, yakuggya mu nsi y'e Misiri ng'akozesa obuyinza bwe
obungi.
38 Yakuwangulira amawanga amakulu era agakusinga ggwe amaanyi,
alyoke akuyingize mu nsi yaabwe, era agikuwe ggwe okubeeranga obusika
bwo nga bwe kiri leero.
39 "Noolwekyo osaana okitegeerere ddala okuva ku lunaku lwa leero,
era okinywereze ddala mu mutima gwo nti MUKAMA ye Katonda yekka ali
waggulu mu ggulu ne wansi ku nsi; so tewali mulala.
40 Kale, mugonderenga amateeka ge n'ebiragiro bye, bye nkulagira
leero; olwo nno eby'obulamu bwo n'embeera yo biryoke bikugenderenga
bulungi, ggwe n'ezzadde lyo eririddawo; bw'otyo olyoke owangaalenga
ng'oli mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeeranga obutaka bwo
obw'enkalakkalira."

*Ebibuga eby'Obuddukiro*

41 Awo Musa n'ayawula ebibuga bisatu ku luuyi olw'ebuvanjuba
olw'omugga Yoludaani,
42 nga mu bibuga ebyo, omuntu yenna anaabanga asse muntu munne
nga tagenderedde, mw'anaddukiranga, kubanga munne anaabanga
amusse mu butanwa nga tamuliiko kiruyi kubanga tabangako mulabe we;
anaddukiranga mu kimu ku bibuga ebyo yeewonye naye okuttibwa.
43 Bino bye byali ebibuga ebyo: Bezeri, nga kiri mu ddungu mu nsi
engulumivu kyokka nga waggulu mbyabyatavu, nga kye ky'Abalewubeeni;
ne Lamusi mu Gireyaadi, nga kye ky'Abagaadi; ne Golani mu Basani, nga
ky'ekitundu ky'Abamanase abaagabana oluuyi olwo.

### *Musa Ayanjula Amateeka*

44 Gano ge mateeka Musa ge yateeka mu maaso g'abaana ba Isirayiri,
45 era ono ye kalonda w'obujulirwa, n'amateeka, n'ebiragiro, Musa bye
yategeeza abaana ba Isirayiri nga bavudde mu Misiri,
46 nga bali mu kiwonvu ekiriraanye Besu Peoli ku buvanjuba bw'omugga
Yoludaani, mu nsi eya Sikoni kabaka w'Abamoli, eyafugiranga mu
Kesuboni, Musa n'abaana ba Isirayiri gwe baali bamaze okuwangula nga
bavudde mu nsi ey'e Misiri.
47 Ensi eyo baali bagitutte awamu n'ensi ya Ogi kabaka wa Basani, abo
nga be bakabaka ababiri abaabanga ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'omugga
Yoludaani.
48 Ensi eyo yali eva ku Aluweri ekiri ku njegoyego y'Ekiwonvu Alunoni
n'okutuuka ku lusozi olunene Siriyoni era olwo ye Kerumooni,
49 n'ezingiramu ne Alaba ekiri ku luuyi olw'ebuvanjuba obwa Yoludaani,
okutuukira ddala ku Nnyanja ya Alaba, ye Nnyanja ey'Omunnyo, wansi
w'olugulungujjo lw'olusozi Pisuga.

# 5

### *Amateeka Ekkumi*

1 Awo Musa n'akuŋŋaanya Isirayiri yenna, n'abagamba nti, Wulira, Ayi
Isirayiri, amateeka n'ebiragiro bye nkutegeeza ng'owulira ku lunaku lwa
leero.

Mubiyige era mubigobererenga n'obwegendereza.

2 MUKAMA Katonda waffe yakola naffe endagaano nga tuli e Kolebu.
3 Endagaano eyo MUKAMA Katonda teyagikola ne bazadde baffe, naye
yagikola naffe abali wano era abalamu ku lunaku lwa leero.
4 MUKAMA Katonda yayogera nammwe nga mwolekaganye naye, ye
ng'asinziira mu muliro ku lusozi olunene.
5 Mu kaseera ako nze nnali nnyimiridde wakati wa MUKAMA nammwe
okubatuusaako ekigambo kya MUKAMA Katonda, kubanga mmwe mwali
mutidde omuliro, noolwekyo ne mutalinnya ku lusozi olunene.

N'abagamba nti:

> 6 "Nze MUKAMA Katonda wo, eyakuggya mu Misiri, mu nsi gye mwafuulibwa abaddu.

7 "Tobeeranga na bakatonda balala wabula Nze nzekka.
8 Teweekoleranga kintu kyonna ekyole ekifaanana n'ekintu kyonna ekiri
waggulu mu ggulu, oba wansi ku nsi, oba ekiri mu mazzi agali wansi
w'ensi.
9 Ebyo tobivuunamiranga so tobisinzanga. Kubanga Nze MUKAMA
Katonda wo ndi Katonda wa buggya; mbonereza abaana olw'ebibi
bya bakitaabwe n'ebya bajjajjaabwe okutuusa ku mulembe ogwokusatu
n'ogwokuna ogw'abo abankyawa.
10 Naye abo enkumi n'enkumi abanjagala era abakwata amateeka gange,
mbalaga okwagala kwange okutaggwaawo.
11 Tokozesanga linnya lya MUKAMA Katonda wo ng'olayira ebitaliimu
nsa: kubanga MUKAMA talirema kumusalira musango ne gumusinga
omuntu oyo alayirira obwereere erinnya lye.
12 Olunaku lwa Ssabbiiti lujjukirenga era olutukuzenga, nga MUKAMA
Katonda wo bwe yakulagira.

13 Kolanga emirimu gyo, ofaabiine mu nnaku omukaaga,

14 naye olunaku olw'omusanvu ye Ssabbiiti ya MUKAMA Katonda wo. Ku lunaku olwo tokolerangako mulimu gwonna; ggwe, wadde mutabani wo, wadde muwala wo, wadde omuweereza wo omusajja, oba omuweereza wo omukazi, oba ente yo eya sseddume, oba endogoyi yo, oba ku nte zo endala zonna, oba omugenyi ali omumwo, abaweereza bo abasajja, n'abaweereza bo abakazi, nabo balyoke bawummuleko nga ggwe.

15 Ojjukiranga nga wali muweereza mu nsi ey'e Misiri, MUKAMA Katonda wo n'akuggyayo n'omukono gwe omuwanvu era ogw'amaanyi. MUKAMA Katonda wo kyeyava akulagira okuumenga olunaku olwa Ssabbiiti.

16 Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, nga MUKAMA Katonda wo bwe yakulagira, olyoke owangaale, era obeerenga n'emirembe, mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa.

17 Tottanga.

18 Toyendanga.

19 Tobbanga.

20 Towaayirizanga muntu munno.

21 Teweegombanga mukyala wa muntu munno. So teweegombanga nnyumba ya muntu munno, newaakubadde ennimiro ye, newaakubadde omuweereza we omusajja, newaakubadde omuweereza we omukazi, wadde ente ye, oba endogoyi ye, oba ekintu kyonna ekya muntu munno."

### *Katonda ne Musa ku Lusozi Sinaayi*

22 Ago ge mateeka MUKAMA ge yalangirira eri ekibiina kyammwe kyonna, nga muli wansi w'olusozi Sinaayi, ng'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka eryava mu muliro, n'ekire, n'ekizikiza ekikutte ennyo; teyayongerako birala. Bw'atyo n'agawandiika ku bipande bibiri eby'amayinja, n'abinkwasa.

23 Bwe mwawulira eddoboozi nga liva mu kizikiza, ate ng'olusozi lwaka omuliro, ne musembera gye ndi, n'abakulembeze bonna ab'ebika byammwe, n'abakulu bammwe bonna.

24 Ne mugamba nti, "Laba, MUKAMA Katonda waffe atulaze ekitiibwa kye n'obukulu bwe, era n'eddoboozi lye ne tuliwulira nga lifuluma wakati mu muliro.

25 Kale, kaakano tufiira ki? Kubanga omuliro guno omungi bwe guti gujja kutusaanyaawo, tufe tuggweewo, singa twongera okuwulira eddoboozi lya MUKAMA Katonda waffe.

26 Kubanga, ani mu bantu omuntu eyali awulidde ku ddoboozi lya Katonda omulamu ng'ayogerera wakati mu muliro, nga ffe bwe tuliwulidde, n'asigala ng'akyali mulamu?

27 Ggwe, musemberere, owulirize bulungi byonna MUKAMA Katonda waffe by'anaayogera. Olyoke otubuulire ebyo byonna MUKAMA Katonda waffe by'anaakugamba. Tujja kubiwuliriza era tubigondere."

28 MUKAMA yawulira ebigambo byammwe, bwe mwayogera nange, MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Ebigambo abantu abo bye bakugambye mbiwulidde. Byonna bye boogedde bibadde birungi.

29 Singa nno bulijjo emitima gyabwe gibeera bwe gityo; ne bantya, era ne bagonderanga amateeka gange gonna, ne balyoka balaba ebirungi awamu n'abaana baabwe emirembe gyonna!

30 Genda obagambe baddeyo mu weema zaabwe.

31 Naye ggwe sigala wano nange, ndyoke nkutegeeze amateeka gonna n'ebiragiro, by'ojja okubayigiriza babikolerengako nga bali mu nsi gye mbawa okubeera obutaka bwabwe obw'enkalakkalira.

32 "Noolwekyo mwegenderezenga nnyo, mukolenga nga MUKAMA Katonda wammwe bw'abalagidde; mulemenga okukyama okulaga ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono.

33 Mutambulirenga mu kkubo MUKAMA Katonda wammwe ly'abalagidde, mulyoke mubenga balamu, mugaggawale, era muwangaalenga nga muli mu nsi ejja okubeera obutaka bwammwe obw'enkalakkalira."

# 6

### *Yagalanga MUKAMA Katonda wo*

1 "Kale nno, bino bye biragiro, n'amateeka, MUKAMA Katonda wammwe bye yandagira okubayigiriza, mubikwatenga era mubigonderenga, nga mumaze okusomoka omugga Yoludaani nga muyingidde mu nsi ejja okubeera obutaka bwammwe obw'enkalakkalira.

2 Bw'otyo ggwe n'abaana bo, n'abaana b'abaana bo oluvannyuma lwabwe, olyoke otyenga MUKAMA Katonda wo ennaku zonna ez'obulamu bwo, ng'ogondera amateeka ge n'ebiragiro bye, bye nkuwa leero; olyoke owangaalenga.

3 Noolwekyo, wulira, Ayi Isirayiri, ogonderenga ebiragiro ebyo n'obwegendereza, ebintu byonna bikugenderenga bulungi, mulyoke muzaale mwalenga nnyo, mu nsi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki, nga MUKAMA Katonda wa bajjajjaabo bwe yakusuubiza.

### *Etteeka ly'Okwagala*

4 "Wulira, Ayi Isirayiri: MUKAMA Katonda waffe ali omu.

5 Oyagalanga MUKAMA Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'omwoyo gwo gwonna, n'amaanyi go gonna.

6 Amateeka gano ge nkuwa leero ogakwatanga ku mutima gwo.

7 Ogayigirizanga abaana bo n'obwegendereza. Ogoogerengako bw'onoobanga otudde mu maka go, ne bw'onoobanga otambula mu kkubo, bw'onoobanga ogalamiddeko, ne bw'onoobanga ogolokose.

8 Onoogasibanga ku mikono gyo, nga bwe bubonero obw'okukujjukizanga, era ogatekanga ne ku kyenyi kyo.

9 Onoogawandiikanga ku myango gy'ennyumba yo, era ne ku nzigi zo.

10 "MUKAMA Katonda wammwe bw'alimala okukutuusa mu nsi gye yalayirira bajjajjaabo: Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo okugibawa, nga mulimu ebibuga ebinene ebikulaakulana, by'otaazimba,

11 n'amayumba agajjudde buli kintu kyonna ekirungi, ky'otaateekamu, n'enzizi z'otaasima, n'ennimiro z'emizabbibu n'emizeeyituuni z'otaasimba; kale, bw'onoomalanga okulya n'okkuta,

12 weekuumenga olemenga okwerabira MUKAMA eyakuggya mu nsi ey'e Misiri eyali ey'obuddu.

13 "Otyanga MUKAMA Katonda wo. Ye gw'obanga oweereza yekka, era mu linnya lye lyokka mw'obanga olayiriranga.

14 Temuweerezanga bakatonda balala, bakatonda b'amawanga aganaabanga gabeetoolodde;

15 kubanga MUKAMA Katonda wo, ali wakati mu mmwe, Katonda wa buggya; obusungu bwe bugenda kukubuubuukirangako, akuzikirize, akumalewo ku nsi.

16 Temugezesanga MUKAMA Katonda wammwe, nga bwe mwakola nga muli e Masa.
17 Munyiikirenga okukuumanga n'okugonderanga amateeka n'ebiragiro MUKAMA Katonda wammwe by'akuwadde.
18 Okolanga ebyo MUKAMA by'akkiriza ebituufu era ebirungi; olwo olyoke obe bulungi ng'oyingidde mu nsi eyo ennungi MUKAMA gye yalayirira bajjajjaabo okugibawa,
19 ng'agobyemu abalabe bo bonna, nga MUKAMA Katonda bwe yasuubiza.

### *Okunnyonnyolanga Abaana Amateeka*

20 "Mu biseera ebirijja, omwana wo bw'akubuuzanga nti, Ebyo byonna ebinnyonnyola buli kalonda, n'amateeka, n'ebiragiro MUKAMA Katonda waffe bye yabalagira, bitegeeza ki?
21 Omuddangamu nti, 'Twali baddu ba Falaawo mu nsi ey'e Misiri, naye MUKAMA Katonda n'atuggya mu Misiri n'omukono gwe ogw'amaanyi.
22 MUKAMA Katonda n'alaga obubonero obw'ekitalo, n'akola ebyamagero ebinene era ebitatendeka ku Misiri ne ku Falaawo n'ab'omu maka ge bonna, nga naffe tulaba.
23 N'atuggyayo n'atuyingiza muno alyoke atuwe ensi eno gye yalayirira bajjajjaffe okugibawa.
24 MUKAMA n'atulagira okukwatanga amateeka gano gonna n'okugagonderanga, n'okutyanga MUKAMA Katonda waffe ennaku zonna, alyoke atukuumenga nga tuli mu mbeera ennungi, era nga tuli balamu, nga bwe tuli leero.
25 Era singa tuneegenderezanga ne tukwata amateeka gano gonna ne tugagonderanga, mu maaso ga MUKAMA Katonda waffe, nga bwe yatulagira, tunaabanga tutuukirizza ebyo by'ayagala.' "

## 7

### *Isirayiri n'Amawanga Amalala*

1 MUKAMA Katonda wo bw'akutuusanga mu nsi mw'ojja okuyingira, ogyetwalire okuba obutaka bwo, nga n'amawanga mangi amaze okugagobamu, n'amawanga gano omusanvu agakusinga obunene n'amaanyi: Abakiiti, n'Abagirugaasi, n'Abamoli, n'Abakanani, n'Abaperezi, n'Abakiivi, n'Abayebusi,
2 MUKAMA Katonda wo ng'amaze okugagabula mu mukono gwo, ng'obawangudde, kikugwanira obazikiririze ddala. Tokolanga nabo ndagaano, so tobakwatirwanga kisa.
3 Tofumbiriganwanga nabo. Towangayo muwala wo kufumbirwanga mutabani we, oba mutabani we okuwasanga muwala wo.
4 Kubanga bagenda kukyamya mutabani wo alekerengaawo okugobererа MUKAMA, baweerezenga bakatonda abalala; era obusungu bwa MUKAMA bunaababuubuukirangako n'akuzikiriza mangu.
5 Naye bwe muti bwe munaakolanga: Munaamenyanga ebyoto bya bakatonda baabwe, ne mwasaayasa amayinja gaabwe ge bawonga, ne mubetentabetenta empagi zaabwe eza Asera, ne mwokya bakatonda baabwe mu muliro.
6 Kubanga oli ggwanga ttukuvu eri MUKAMA. MUKAMA Katonda wo yakulonda okuva mu mawanga gonna agali ku nsi okubeeranga eggwanga lye, lye yeefunira ly'asuuta ennyo.

7 MUKAMA okugenda okubalonda n'okubaagala ennyo bw'atyo; si lwa kubanga mwe mwali musinga amawanga amalala gonna obungi; nedda, mwe mwali musinga obutono mu mawanga gonna.

8 Naye lwa kubanga MUKAMA Katonda yabaagala, n'akuuma endagaano gye yakola ne bajjajjammwe, n'abanunula n'omukono gwe ogw'amaanyi ng'abaggya mu nsi ey'obuddu, n'abawonya obuyinza bwa Falaawo, ye kabaka w'e Misiri.

9 Noolwekyo osaananga okukitegeeranga nga MUKAMA Katonda wo ye Katonda; Katonda omwesigwa akuuma endagaano ye ey'okwagala okutaggwaawo eri abamwagala era abagondera ebiragiro bye okutuuka ku mirembe olukumi.

10 Naye

abo abamukyawa alibeesasuza n'okuzikirizibwa;
tagenda kulwawo kwesasuza oyo amukyawa.

11 Noolwekyo weegenderezenga nnyo ogonderenga amateeka n'ebiragiro bye nkugamba olunaku lwa leero.

12 Bwe munaakwatanga amateeka ago, ne mugagonderanga n'obwegendereza, ne MUKAMA Katonda wo agenda kukuumanga endagaano ye, gye yakola ne bajjajjaabo ey'okwagala kwe okutaggwaawo.

13 Agenda kukwagalanga, akuwenga omukisa; era alikwaza ne weeyongera obungi. Aliwa omukisa ezzadde lyo n'ebibala eby'oku ttaka lyo, n'emmere yo ey'empeke, ne wayini wo, n'amafuta go, n'ennyana ez'ente zo, n'abaana ab'endiga zo, ng'oli mu nsi MUKAMA gye yalayirira bajjajjaabo, okugikuwa.

14 Onoofunanga omukisa okusinga amawanga amalala gonna; tewaabengawo musajja oba mukazi mugumba mu mmwe, wadde ente zammwe ezitaazaalenga.

15 MUKAMA takkirizenga ndwadde yonna kukukwata. So taakuleeterenga ndwadde ezo ez'akabi, ze wamanyanga, ez'e Misiri, naye anaazireeteranga abo bonna abakukyawa.

16 Onoozikirizanga abo bonna MUKAMA Katonda b'anaakuwanguzanga, tobatunuulizanga liiso lya kisa, tobabbiranga ku liiso. So toweerezanga bakatonda baabwe, kubanga ogwo gugendanga kukufuukira mutego.

### *Katonda Aliwangula Amawanga*

17 Oyinza okwebuuza mu mutima gwo nti, "Amawanga ag'amaanyi gatyo okutusinga, tulisobola tutya okugagoba mu nsi zaago?"

18 Naye amawanga ago togatyanga; ojjukiranga MUKAMA Katonda wo kye yakola Falaawo ne Misiri yonna.

19 Weerabirako n'amaaso go gennyini ebibonoobono, n'obubonero obw'ebyamagero, n'eby'ekyewuunyo, MUKAMA bye yakozesa okukuggya mu nsi y'e Misiri n'omukono gwe omuwanvu ogw'amaanyi. MUKAMA Katonda wo bw'atyo bw'anaakolanga amawanga ago gonna g'otya.

20 Ate MUKAMA Katonda wo anaaweerezanga ennumba mu balabe bo ne zibaluma, okutuusa n'abo abanaabanga basigaddewo mu lutalo, nga beekwese, lwe ziribazikiririza ddala.

21 Tobatyanga, kubanga MUKAMA Katonda wo abeera wakati mu mmwe, mukulu era wa ntiisa.

22 MUKAMA Katonda wo amawanga ago anaagendanga agaggyawo linnalimu, mpola mpola. Toligazikiriza gonna mulundi gumu, si kulwa ng'ensolo ez'omu nsiko zaala ne zikuyitirira obungi.

23 Naye MUKAMA Katonda wo anaagagabulanga mu mukono gwo
n'ageeraliikirizanga ng'agatabuddetabudde, okutuusa lwe ganaazikirizib-
wanga.
24 Anaagabulanga bakabaka baago mu mukono gwo n'osangulira ddala
amannya gaabwe okuva wansi w'eggulu. Tewaabengawo muntu n'omu
anaayimiriranga mu maaso go okukwaŋŋanga, ojjanga kubazikiriza.
25 Ebifaananyi ebyole ebya bakatonda baabwe munaabyokyanga mu
muliro. Teweegombanga zaabu na ffeeza anaabibeerangako. So tomwet-
waliranga alemenga kukufuukira mutego; kubanga ekikolwa ekyo kya
muzizo eri MUKAMA Katonda wo.
26 Toyingizanga mu nnyumba yo kintu kyonna ekyomuzizo, olemenga
kuba mukolimire ng'ekintu ekyo bwe kiri. Onookikyayiranga ddala era
onookitamirwanga ddala, kubanga kyakolimirwa.

# 8

### *Ekisa kya MUKAMA mu Ddungu*

1 Mugonderanga amateeka gonna ge nkulagira leero, mulyoke
mubeerenga balamu era mwale, muyingire ensi MUKAMA Katonda gye
yalayirira bajjajjammwe okugibawa mmwe ng'obutaka bwammwe.
2 Onojjukiranga emyaka gino gyonna amakumi ana MUKAMA Ka-
tonda gy'azze ng'akukulembera okukuyisa mu ddungu alyoke akugezese,
akukakkanye obeere muwombeefu omwetoowaze, era yeekkaanye mu
mutima gwo alabe obanga onookwatanga amateeka ge.
3 Era yakukkakkanya n'akulumya enjala, n'akuliisa emmaanu, gye wali
tolabangako wadde bakadde bo okugiwulirako, alyoke akuyigirize nti
omuntu taba mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva
mu kamwa ka MUKAMA Katonda.
4 Mu myaka gino gyonna amakumi ana, engatto zo tezaakukaddiwako
n'ebigere byo tebyazimba.
5 Noolwekyo osaana okitegeere mu mutima gwo nti, Ng'omusajja
bw'akangavvula mutabani we, ne MUKAMA Katonda wo
bw'akukangavvula.
6 "Onookwatanga amateeka ga MUKAMA Katonda wo ng'otambuliranga
mu makubo ge, era ng'omutya, ng'omussaamu ekitiibwa.
7 Kubanga MUKAMA Katonda wo akutwala mu nsi ennungi ennyo: ensi
erimu emigga, n'ebidiba, n'ensulo ez'amazzi agakulukutira ku nsozi ne
mu biwonvu.
8 Ensi omukula eŋŋaano ne sayiri, n'emitiini n'emikomamawanga, ensi
ey'emizabbibu n'omubisi gw'enjuki;
9 ensi, emmere gy'eteebeerenga ya bbula, nga buli ky'oneetaaganga
onookifunanga; ensi, ng'ebyuma ge mayinja gaayo, era gy'onoosimanga
ekikomo mu nsozi zaayo.
10 Awo bw'onoolyanga n'okkuta, weebazenga MUKAMA Katonda wo
olw'okukuwa ensi ennungi bw'etyo.

### *Okulabulwa Obutaba b'Amalala*

11 "Weegenderezenga nnyo olemenga kwerabiranga MUKAMA Katonda
wo, ng'ogaananga okukwatanga amateeka ge, n'ebiragiro bye, bye nkula-
gira leero.
12 Si kulwa ng'onoolyanga n'okkuta, ne weezimbiranga amayumba
amalungi, n'otereera;

13 amagana go n'ebisibo byo nga bigezze, ne zaabu yo ne ffeeza yo nga
byaze, nga ne buli kintu ky'onoobanga nakyo nga kyeyongedde okwala,
14 kale olwo omutima gwo ne gujjangamu amalala, ne weerabiranga
MUKAMA Katonda wo eyakuggya mu nsi ey'e Misiri mu nnyumba
ey'obuddu.
15 Eyakukulemberanga n'akuyisanga mu ddungu eddene era ezzibu
ennyo eritiisa, ekkalu omutali tuzzi, nga libunye emisota emikambwe
egy'obusagwa, n'enjaba. Eyakuggyira amazzi mu lwazi.
16 Yakuliisanga emmaanu mu ddungu, emmere bajjajjaabo gye baali
batalabangako. Yali ng'akwetoowazisa era nga bw'akugezesa, ku
nkomerero biryoke bikugendere bulungi.
17 Weekuumenga, olemenga okulowoozanga mu mutima gwo nti,
'Obugagga buno bwonna mbufunye olw'obuyinza bwange n'amaanyi
g'emikono gyange.'
18 Naye ojjukiranga MUKAMA Katonda wo, kubanga y'akuwa obuyinza
okufuna obugagga, alyoke atuukirize endagaano ye gye yalayirira bajjaj-
jaabo, nga bwe kiri leero.
19 "Bwe kanaakutandanga ne weerabiranga MUKAMA Katonda wo,
n'ogobereranga bakatonda abalala, n'obasinzanga n'obavuunamiranga,
mbategeeza mmwe leero nti ddala ddala mugenda kuzikirira.
20 Nga bwe mulaba amawanga MUKAMA g'azikiriza mu maaso gammwe,
nammwe bwe mulizikirira bwe mutyo, bwe mutaligonderanga ddoboozi
lya MUKAMA Katonda wammwe."

# 9

1 Wulira, Ayi Isirayiri. Osemberedde olunaku lw'ojja okusomokerako
omugga Yoludaani, oyingire mu nsi omuli amawanga agakusinga obunene,
ogyetwalire ogyefunire. Olisangamu ebibuga ebinene ebyebulunguddwa
ebigo ebyawanvuwa okutuuka ku ggulu.
2 Abantu baayo be batabani ba Anaki, ba maanyi era bawanvu.
Obamanyi bulungi, era wawulirako dda nga boogerwako nti, "Ani ayinza
okwolekera Abanaki?"
3 Naye kitegeere leero nga MUKAMA Katonda wo y'akukulembera buli
gy'oba olaga yonna, era ng'ali ng'omuliro ogusaanyaawo buli kintu.
Ab'amaanyi abo agenda kubasiguukulula abazikirize nga naawe olaba.
Noolwekyo ogenda kubagobamu obamalirewo ddala mu kaseera katono,
nga MUKAMA bw'akusuubizza.
4 MUKAMA Katonda wo bw'alimala okugobamu amawanga ago gonna
nga naawe olaba, teweewaananga nga weeyogerako nti, "MUKAMA
ansobozesezza okuyingira mu nsi muno n'okugifuna olw'obutuukirivu
bwange;" songa lwa butali butuukirivu bwa mawanga ago, MUKAMA
kyanaava agagobamu mu maaso go.
5 Ojja kuyingira mu nsi yaabwe ogitwale, si lwa kubanga oli mu-
tuukirivu, oba omwesigwa; wabula lwa kibi ky'amawanga ago MUKAMA
Katonda wo kyanaava agagoba mu maaso go, atuukirize n'ekisuubizo kye
yalayirira bajjajjaabo: Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo.
6 Osaana okitegeere ng'ensi eno ennungi MUKAMA Katonda gy'akuwa
okugyefunira tagikuwa lwa kubanga oli mutuukirivu; kubanga oli muntu
alina ensingo enkakanyavu.

### *Ennyana eya Zaabu*

7 Ojjukiranga, era tosaana kwerabiranga, nga bwe wasunguwaza
MUKAMA Katonda wo ng'oli mu ddungu. Okuviira ddala ku lunaku lwe

wava mu nsi ey'e Misiri mubadde mujeemera MUKAMA n'okutuusa lwe mutuuse mu kifo kino.
8 Ku lusozi Kolebu mwanyiiza MUKAMA Katonda, obusungu bwe ne bubuubuuka nnyo n'okwagala n'ayagala okubazikiriza.
9 Bwe nalinnya ku lusozi okuweebwa ebipande eby'amayinja, nga bye byaliko endagaano MUKAMA Katonda gye yali alagaanye nammwe, ne mmala ku lusozi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro, saalya ku mmere wadde okunywa ku mazzi.
10 MUKAMA Katonda n'ampa ebipande bibiri eby'amayinja nga biwandiikiddwako n'engalo ya Katonda. Ku byo kwali kuwandiikiddwako amateeka MUKAMA ge yali abalangiridde ng'ali ku lusozi wakati mu muliro ku lunaku olwo nga mwenna mukuŋŋaanye.
11 Ku nkomerero y'ennaku amakumi ana n'ebiro amakumi ana MUKAMA Katonda n'ampa ebipande ebibiri eby'amayinja nga bye bipande eby'endagaano.
12 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Situka ove mangu wano oserengete, kubanga abantu bo be waggya mu Misiri boonoonye. Beekyusizza mangu ne bava mu kkubo lye nabalagira okutambulirangamu, ne beekolera ekibumbe ekisaanuuse ekitali Katonda."
13 Era MUKAMA Katonda ne yeeyongera n'aŋŋamba nti, "Neetegerezza abantu bano, ne ndaba nga bantu abalina ensingo enkakanyavu, nga ggwanga lya mputtu.
14 Leka mbazikirize, erinnya ly'eggwanga lyabwe ndisangulewo wansi w'eggulu. Ndikuggyamu eggwanga eddene era ery'amaanyi okusinga eggwanga lyabwe."
15 Bwe ntyo ne nkyuka ne nva ku lusozi ne nserengeta, ne ndeka ng'olusozi lwaka omuliro. Ebipande byombi eby'amateeka eby'endagaano nabirina mu mikono gyange gyombi.
16 Bwe natunula ne ndaba nga mwonoonye mu maaso ga MUKAMA Katonda wammwe; mwali mwekoledde ekitali Katonda nga mukibumbye okufaanana ng'ennyana; mwali mukyuse mangu okuva mu kkubo MUKAMA lye yali abalagidde.
17 Bwe ntyo ne nzirira ebipande byombi bye nnali nkutte mu ngalo zange ne mbikasuka wansi ne byatikirayatikira mu maaso gammwe nga nammwe mulaba.
18 Ate ne nziramu okweyala wansi awali MUKAMA Katonda okumala ennaku amakumi ana, emisana n'ekiro, MUKAMA bwe yali amaliridde okubazikiririza ddala yeefunire eggwanga eddala; ne sirya ku mmere wadde okunywa ku tuzzi okumala ennaku amakumi ana emisana n'ekiro, olw'ekibi kye mwali mukoze, bwe mwakola ebitasaana mu maaso ga MUKAMA Katonda ne mumusunguwaza.
19 Ne ntya nnyo olw'obusungu bwa MUKAMA Katonda n'ekiruyi kye, kubanga yali abasunguwalidde nnyo ng'ayinza n'okubazikiriza. Naye era MUKAMA n'ampuliriza ne ku mulundi ogwo.
20 Era MUKAMA yali asunguwalidde nnyo Alooni nga n'okumuzikiriza ayinza okumuzikiriza. Naye mu kiseera ekyo ne Alooni ne mmusabira nnyo.
21 Ne nzirira ennyana eyabaleetera okusobya, ne ngyokya mu muliro. Ne ngisekulasekula ne ngisa, n'efuuka olufufugge. Olufufugge olwo ne nduyiwa mu kagga akaali kakulukutira ku lusozi olunene.
22 MUKAMA, mwayongera okumusunguwaza bwe mwali e Tabera, n'e Masa, n'e Kiberosu Kataava.

23 Era MUKAMA bwe yabasindika okuva e Kadesubanea, yabagamba
nti, "Mwambuke mwetwalire ensi gye mbawadde." Naye ne mujeemera
ekiragiro kya MUKAMA Katonda wammwe. Temwamwesiga wadde
okumugondera.
24 Kasookedde mbamanya, ebbanga eryo lyonna mubadde mujeemera
MUKAMA Katonda.

### *Musa Yeegayirira MUKAMA ku lwa Isirayiri*

25 Bwe ntyo ne nambaala ku ttaka nga neevuunise mu maaso ga
MUKAMA, okumala ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; kubanga
MUKAMA Katonda yali agambye nti ajja kubazikiriza.
26 Ne nsaba MUKAMA nti, Ayi MUKAMA Katonda, bano be bantu bo,
era obusika bwo bwennyini, be wanunula n'obaggya mu nsi ey'e Misiri
n'omukono gwo ogw'amaanyi.
27 Nkusaba ojjukire abaddu bo, era abaweereza bo, Ibulayimu, ne Isaaka,
ne Yakobo osonyiwe obukakanyavu bw'eggwanga lino, n'obunafu bwalyo
n'ebibi byalyo.
28 Ab'omu nsi mwe watuggya baleme okugamba nti, "Olwokubanga
MUKAMA yali tasobola kubatuusa mu nsi gye yabasuubiza, era ol-
wokubanga yali abakyaye nnyo, kyeyava abaggyayo mu Misiri alyoke
abattire mu ddungu."
29 Kubanga lino lye ggwanga lyo, be bantu bo ab'obusika bwo, be waggya
mu Misiri n'obuyinza bwo obungi, n'omukono gwo ogw'amaanyi.

# 10

### *Ebipande eby'Amayinja Ebyokubiri Okwawandiikwa Amateeka*

1 Mu kiseera ekyo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Tema mu jjinja
ebipande bibiri eby'amayinja ebifaanana nga biri ebyasooka, era obajje
n'Essanduuko ey'omuti, olyoke oyambuke gye ndi ku lusozi.
2 Nzija kuwandiika ku bipande ebyo ebigambo ebyali ku bipande
ebyasooka, bye wayasa; olyoke obiteeke mu Ssanduuko."
3 Bwe ntyo ne mbajja Essanduuko mu muti ogw'akasiya, ne ntema ne
mu jjinja ebipande bibiri eby'amayinja nga bifaanana nga biri ebyasooka,
ne ndyoka nyambuka ku lusozi nga nkutte ebipande byombi mu ngalo
zange.
4 MUKAMA Katonda n'awandiika ku bipande ebyo ebigambo bye
yali awandiise ku bipande biri ebyasooka, ge Mateeka Ekkumi ge
yali abalangiridde ku lusozi ng'ali wakati mu muliro, ku lunaku lwe
mwakuŋŋaanirako. MUKAMA Katonda n'abinkwasa.
5 Bwe ntyo ne nkyusa obuwufu ne nzikirira okuva ku lusozi, ebipande
ne mbiteeka mu Ssanduuko gye nabajja, nga MUKAMA Katonda bwe
yandagira, ne kaakano mwe biri.
6 Abaana ba Isirayiri ne batambula okuva e Beeru Beneyaakani ne
batuuka e Mosera. Awo Alooni we yafiira era we yaziikibwa. Muta-
bani we Eriyazaali n'amusikira n'atandika okukola emirimu gya Alooni
egy'Obwakabona.
7 Bwe baava awo ne batambula okutuuka e Gudugoda; bwe baava e
Gudugoda ne batuuka e Yotubasa, nga mu nsi eyo mulimu emigga egyali
gikulukuta amazzi.
8 Mu kiseera ekyo MUKAMA n'ayawula ekika kya Leevi okusitulanga
Essanduuko ey'Endagaano ya MUKAMA, n'okuyimiriranga mu maaso ga

MUKAMA Katonda, n'okwatulanga emikisa gye mu linnya lye, nga bwe bakyakola n'okutuusa leero.
9 Noolwekyo Abaleevi tebaafuna mugabo wadde ekitundu eky'obusika mu nsi ensuubize nga baganda baabwe ab'ebika ebirala bwe baafuna; kubanga MUKAMA bwe busika bwabwe, nga MUKAMA Katonda wo bwe yabagamba.
10 Nabeerayo ku lusozi ne mmalayo ennaku amakumi ana, emisana n'ekiro, ng'omulundi guli ogwasooka. Ne ku mulundi guno MUKAMA yampuliriza. MUKAMA Katonda yali tayagala kukuzikiriza.
11 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Genda okulembere abantu, bakwate olugendo lwabwe, bayingire mu nsi gye nalayirira bajjajjaabwe okugibawa, bagyefunire."

### *Ebikulu Katonda bye Yeetaaga*

12 Kale nno, ggwe Isirayiri, kiki MUKAMA Katonda wo ky'akwetaagako wabula okutya MUKAMA Katonda wo, okutambuliranga mu makubo ge gonna, n'okumwagalanga, n'okuweerezanga MUKAMA Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'emmeeme yo yonna,
13 n'okugonderanga amateeka ga MUKAMA n'ebiragiro bye, nga bwe nkukuutira leero olw'obulungi bwo?
14 Laba, MUKAMA Katonda wo ye nannyini ggulu, era n'eggulu erisinga okuba waggulu ennyo nalyo lirye, n'ensi ne byonna ebigirimu.
15 Kyokka era MUKAMA yakwana bajjajjaabo n'abaagala nnyo, ne yeerondera mmwe, bazzukulu baabwe, okubeera ku ntikko y'amawanga gonna nga bwe kiri leero.
16 Noolwekyo mukomole emitima gyammwe, era mukomye okubeera n'amawagali.
17 Kubanga MUKAMA Katonda wammwe ye Katonda wa bakatonda, era ye MUKAMA w'abakama, ye Katonda omukulu, nannyini buyinza era Katonda atiibwa, atalina kyekubiira, era atalya nguzi.
18 Bamulekwa abataliiko bakitaabwe, ne bannamwandu, abamalira ensonga zaabwe mu bwenkanya; era ayagala ne bannamawanga abatambuze, ng'abawa emmere n'ebyokwambala.
19 Kale nno, mwagalenga bannamawanga kubanga nammwe mwaliko bannamawanga mu nsi ey'e Misiri.
20 Otyanga MUKAMA Katonda wo era muweerezenga. Munywererengako, era mu linnya lye mw'onoolayiriranga.
21 Oyo, lye ttendo lyo era ye Katonda wo, eyakukolera ebyamagero ebyo byonna ebikulu ggwe kennyini bye weerabirako n'amaaso go.
22 Bajjajjaabo bwe baaserengeta e Misiri, bonna awamu baali bawera abantu nsanvu; kaakano MUKAMA Katonda wo abafudde bangi nnyo ng'emmunyeenye ez'oku ggulu.

# 11

### *Ekiragiro ky'Okwagalanga MUKAMA Katonda*

1 Yagalanga MUKAMA Katonda wo, ogonderenga ebigambo bye by'akukuutira, n'ebiragiro bye, n'amateeka ge ennaku zonna.
2 Mutegeere nga ku lunaku lwa leero soogera na baana bammwe abataamanya era abataalaba ku kukangavvula kwa MUKAMA Katonda wammwe, n'ekitiibwa kye n'omukono gwe ogw'amaanyi, era ogw'obukuumi;
3 era abataalaba ku byamagero bye yakola n'ebintu byonna bye yakolera wakati mu Misiri, ku Falaawo, ye kabaka w'e Misiri n'eri ensi ye yonna;

4 ne bye yakola eggye lya Misiri n'embalaasi zaalyo n'amagaali gaalyo; era nga amaggye ago bwe yagazikiririza mu mazzi ag'omu Nnyanja Emyufu bwe gaali nga gabagoberera, n'agamalirawo ddala n'okutuusa leero.
5 Abaana bammwe si be baalaba ebyo byonna MUKAMA bye yabakolera okuva nga muli mu ddungu n'okutuuka wano mu kifo kino,
6 era ne kye yakola Dasani ne Abiraamu batabani ba Eriyaabu, mutabani wa Lewubeeni, ettaka bwe lyayasamya akamwa kaalyo, wakati mu baana ba Isirayiri bonna, ne libamira n'ab'omu maka gaabwe bonna, n'eweema ez'ensiisira zaabwe zonna, ne buli kiramu kyabwe kyonna kye baalinako obwannannyini.
7 Naye mmwe bennyini mwe mwabiraba n'amaaso gammwe, ebintu ebyo ebikulu MUKAMA by'azze akola.

### *Ekiragiro ky'Okukwatanga Amateeka*

8 Noolwekyo mukwatenga amateeka gonna ge mbalagira leero, mulyoke mubeere n'amaanyi okuyingira mu nsi gye mujja okwefunira, nga mumaze okusomoka omugga Yoludaani,
9 bwe mutyo mulyoke muwangaalenga nga muli mu nsi MUKAMA gye yalayirira bajjajjammwe okugibawa awamu ne bazzukulu baabwe, ng'eyo ye nsi omukulukutira amata n'omubisi gw'enjuki.
10 Kubanga ensi gy'ogenda okuyingira, ogyefunire, tefaanaana ng'ensi y'e Misiri, gye mwava, gye wasimbanga ensigo zo n'ozifukiriranga n'ebbomba gye wasambyanga ekigere, ng'afukirira ennimiro y'enva.
11 Naye ensi gye mugenda okwefunira nga musomose omugga Yoludaani, ye nsi ey'ensozi n'ebiwonvu, enywa amazzi g'enkuba agava mu ggulu.
12 Ye nsi MUKAMA Katonda wo gy'alabirira. Amaaso ga MUKAMA Katonda wo gabeera ku nsi eyo bulijjo, okuva ku ntandikwa y'omwaka okutuuka ku nkomerero yaagwo.
13 Bwe munaagonderanga amateeka gano ge mbalagira leero: okwagalanga MUKAMA Katonda wammwe, n'okumuweerezanga n'omutima gwammwe gwonna, n'emmeeme yammwe yonna,
14 kale, anaatonnyesanga enkuba mu nsi yammwe mu biseera byayo: enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo, olyoke okungulenga emmere yo ey'empeke, weefunire ne wayini omusu n'amafuta.
15 Era anaakuzanga omuddo mu malundiro go ente zo gwe zinaalyanga; naawe onoolyanga emmere n'okkuta.
16 Mwegenderezenga nnyo, mulemenga okukyama ne mubula, ne muweerezanga bakatonda abalala era ne mubavuunamiranga.
17 Kale obusungu bwa MUKAMA ne bubabuubuukirangako, n'aggalangawo eggulu, enkuba ne tetonnyanga, n'ettaka ne litabalangako bibala, ne muzikiriranga ne muggwaawo mangu ku nsi ennungi MUKAMA gy'abawa.

### *Abaana Abato Okuyigirizibwanga Amateeka*

18 Kale muterekenga ebigambo byange bino mu mutima gwammwe ne mu mmeeme yammwe; munaabisibanga ku mikono gyammwe ng'akabonero ak'okubibajjukizanga, era mubitekanga ne ku byenyi byammwe.
19 Mubiyigirizenga abaana bammwe, ng'obinyumyako bw'onoobanga otudde mu nnyumba yo, ne bw'onoobanga otambula mu nguudo; ne bw'onoogalamirangako, era ne bw'onoositukanga.
20 Era onoobiwandiikanga ku myango ne ku nzigi,

21 mmwe n'abaana bammwe mulyoke muwangaalenga nnyo, mumale ennaku nnyingi nga ebbanga eggulu lye lirimala nga liri waggulu w'ensi, nga muli mu nsi MUKAMA gye yasuubiza bajjajjammwe okugibawa.

22 Bwe muneegenderezanga, ne mugonderanga ebiragiro bino byonna bye mbawa okubikolanga: kwe kwagalanga MUKAMA Katonda wammwe, n'okutambuliranga mu makubo ge gonna, n'okumunywererangako;

23 kale, MUKAMA anaagobangamu amawanga ago gonna aganaabanga mu maaso gammwe, ne mwefunira ensi z'amawanga ago agabasinga mmwe obunene era n'amaanyi.

24 Buli we munaalinnyanga ekigere kyammwe, ekifo ekyo kinaabeeranga kyammwe; okuva ku ddungu okutuuka ku Lebanooni, n'okuva ku Mugga Fulaati okutuuka ku nnyanja ey'ebugwanjuba.

25 Tewaabengawo muntu n'omu anaasobolanga okubaziyiza. MUKAMA Katonda wammwe aliteeka entiisa n'ekikangabwa mu bannansi bonna, buli we munaagendanga, nga bwe yabasuubiza.

### *Omukisa n'Ekikolimo*

26 Mulabe, ku lunaku lwa leero nteeka mu maaso gammwe omukisa n'ekikolimo.

27 Omukisa, bwe munaagonderanga amateeka ga MUKAMA Katonda wammwe ge mbalagira leero;

28 ekikolimo, bwe mutaagonderenga mateeka ga MUKAMA Katonda wammwe, ne mukyamanga okuva mu kkubo lye mbalagira leero, ne mugobereranga bakatonda abalala be mwali mutamanyi.

29 MUKAMA Katonda wo bw'alikutuusa mu nsi gy'ogenda okuyingiramu ogyetwalire ng'obutaka bwo obw'enkalakkalira, omukisa oguteekanga ku lusozi Gerizimu, n'ekikolimo ku lusozi Ebali.

30 Ensozi ezo ziri mitala wa Yoludaani ku ludda olw'ebugwanjuba obw'oluguudo ng'oyolekedde enjuba gy'egwa, okumpi n'emiti eminene egy'e Mole, mu nsi y'Abakanani ababeera mu Alaba ku miriraano gya Girugaali.

31 Muli kumpi okusomoka omugga Yoludaani mwefunire ensi MUKAMA Katonda wammwe gy'abawa. Bwe mulimala okugyetwalira, nga mwe mubeera,

32 mwegenderezenga nnyo mugonderenga amateeka gonna, n'ebiragiro bye nteeka mu maaso gammwe leero.

# 12

### *Ekyoto Kimu Kyokka eky'Ebiweebwayo*

1 Gano ge mateeka n'ebiragiro bye musaana okukwatanga n'obwegendereza, nga muli mu nsi MUKAMA Katonda wa bajjajjaabo gy'akuwadde okubeera obutaka bwo ebbanga lyonna lye mulimala ku nsi.

2 Muzikiririzanga ddala ebifo byonna ebiri ku gasozi ne ku nsozi, ne wansi w'agati aganene,

3 bannaggwanga be mugenda okutwalako ensi yaabwe gye basinziza; n'amayinja gaabwe mugaasaayasanga, n'empagi zaabwe eza Asera mulizimenyaamenya ne muzookya mu muliro; n'ebibajje ebya bakatonda baabwe mubitemaatemanga n'amannya gaabwe mu bifo ebyo ne mugasanguliramu ddala.

4 MUKAMA Katonda wammwe, ye temumusinzanga mu ngeri eyo nga bali bwe bakola.

5 Mmwe munoonyanga mu bika byammwe byonna, ekifo MUKAMA
Katonda wammwe ky'alibalondera we munaateekanga Erinnya lye ne
mumuzimbira awo ennyumba ye ey'okubeerangamu. Mu kifo ekyo gye
munaagendanga okumusinza;
6 awo we munaaleetanga ebiweebwayo byammwe ebyokebwa ne
biweebwayo ebirala, n'ebitundu byammwe eby'ekkumi, n'ebirabo
eby'enjawulo, n'obweyamo bwammwe, n'ebiweebwayo ebya kyeyagalire,
n'ebibereberye eby'omu bisibo byammwe n'eby'omu biraalo byammwe.
7 Mmwe n'ab'omu nnyumba zammwe munaaliiranga mu maaso ga
MUKAMA Katonda wammwe, munaasanyukanga ne mwenyumirizanga
mu buli kintu kyonna kye munaabanga mukoze n'emikono gyammwe,
kubanga MUKAMA Katonda wo anaabanga akuwadde omukisa.
8 Temukolanga nga bwe tukola wano leero, nga buli omu akola nga
bw'alaba ekisaanidde,
9 kubanga temunnatuuka mu kiwummulo ne mu busika MUKAMA
Katonda wammwe bw'abawa.
10 Naye bwe mulimala okusomoka omugga Yoludaani, ne mubeera mu
nsi MUKAMA Katonda wammwe gy'abawa nga bwe busika bwammwe,
ng'abawadde n'okuwummula, nga temukyataataaganyizibwa balabe
bammwe abanaabanga babeetoolodde n'okutuula ne mutuulanga mu
mirembe;
11 kale nno, mu kifo ekyo MUKAMA Katonda wammwe kyanaabanga
yeerondedde okutuuzanga omwo Erinnya lye, omwo mwe munaaleetanga
buli kintu kyonna kye mbalagira: ebiweebwayo byammwe ebyokebwa,
n'ebiweebwayo ebirala, n'ebitundu byammwe eby'ekkumi, n'ebirabo
eby'enjawulo, n'ebirabo ebisinga obulungi mu bintu byammwe bye
munaabanga mweyamye okuwaayo eri MUKAMA.
12 Munaasanyukiranga awo mu maaso ga MUKAMA Katonda wammwe,
mmwe, ne batabani bammwe, ne bawala bammwe, n'abaweereza
bammwe abasajja, n'abaweereza bammwe abakazi, n'Abaleevi ab'omu
bibuga byammwe, kubanga bo ku bwabwe tebalifuna mugabo oba obusika
okufaanana nga mmwe.
13 Weekuumanga n'otaweerayo biweebwayo by'omu buli kifo kyonna
ky'onoolabanga.
14 Obiweerengayo mu kifo ekyo ekimu kyokka MUKAMA
ky'anaakulonderanga okuva mu kimu ku bika byo; era omwo
mw'onookoleranga ebyo byonna bye nkulagira.

### *Ebiragiro ku Biweebwayo ebitali bya bulijjo*

15 Naye onettiranga ku bisolo ebinaabanga mu bibuga byo, oba mpeewo
oba njaza, n'olya ennyama nnyingi nga bw'onooyagalanga, ng'omukisa
bwe guli MUKAMA Katonda wo gw'anaakuwanga. Abalongoofu mu
by'emikolo n'abatali balongoofu, bonna banaalyanga.
16 Wabula omusaayi temugulyanga; munaaguyiwanga wansi ku ttaka
ng'amazzi.
17 Mu bibuga byo toliirangamu kitundu ekimu eky'ekkumi eky'emmere
yo ey'empeke, oba ekya wayini wo, oba eky'amafuta go; oba ebibereberye
eby'omu bisibo byo n'eby'omu biraalo byo, oba n'obweyamo bwo oba
n'ebiweebwayo ebya kyeyagalire; wadde n'ebirabo ebitali bya bulijjo.
18 Onoobiriiranga mu maaso ga MUKAMA Katonda wo, mu kifo ekyo
MUKAMA Katonda wo ky'anaabanga akulondedde; ggwe, ne mutabani wo,
ne muwala wo, n'omuweereza wo omusajja n'omuweereza wo omukazi,
n'Omuleevi anaabanga mu bibuga byo, era onoosanyukiranga mu maaso

ga MUKAMA Katonda wo mu buli kintu kyonna ky'onoobanga okoze n'emikono gyo.

19 Weekuumanga nnyo obutalagajjaliranga Muleevi ebbanga lyonna ly'olimala ng'oli mulamu ku nsi.

20 MUKAMA Katonda wo bw'aligaziya amatwale go, nga bwe yakusuubiza, n'oyoyanga okulya ku nnyama ng'ogamba nti, "Nandiyagadde okulya ku nnyama." Kale, onoolyanga ennyama ennyingi nga bw'onooyagalanga.

21 Ekifo, MUKAMA Katonda wo ky'anaabanga akulondedde okuteekamu Erinnya lye, bwe kinaabanga kiri wala n'ewuwo kale onooyinzanga okutta ku zimu ku nsolo ez'omu bisibo byo ne mu biraalo byo MUKAMA by'anaabanga akuwadde, nga bwe nkulagidde; era mu bibuga byo onooyinzanga okulya ennyama ennyingi nga bw'onooyagalanga.

22 Onoogiryanga nga bw'onoolyanga empeewo n'enjaza. Abalongoofu n'abatali balongoofu bonna banaalyanga.

23 Naye weekuumenga obutalyanga musaayi; kubanga omusaayi bwe bulamu, ate nga tekikugwaniranga kulyanga bulamu ng'olya ennyama.

24 Togulyanga; oguyiwanga wansi ku ttaka ng'amazzi.

25 Togulyanga, olyoke obeerenga mu ddembe, ggwe, n'abaana bo, ng'okoze ebituufu mu maaso ga MUKAMA.

26 Naye ebintu byo ebitukuvu ne byonna by'oneeyamanga okuwaayo, onoobiddiranga n'obitwalanga mu kifo MUKAMA ky'anaabanga akulondedde.

27 Onooleetanga ebiweebwayo byo ebyokebwa, ennyama n'omusaayi, ku Kyoto kya MUKAMA Katonda wo. Omusaayi gw'ebiweebwayo byo ebirala gunaafukibwanga ku Kyoto kya MUKAMA Katonda wo, naye ennyama onooyinzanga okugirya.

28 Weegenderezenga okugoberera ebiragiro bino byonna bye nkuwa, olyoke obeenga bulungi, ggwe, n'abaana bo, oluvannyuma lwo, emirembe gyonna, kubanga onoobanga okoze ekituufu mu maaso ga MUKAMA Katonda wo.

### *Okulabula ku Kusinza bakatonda abalala*

29 Amawanga ago g'ogenda okulumba ogatwaleko ensi yaabwe, MUKAMA agenda kugazikiriza nga naawe olaba. Naye bw'obanga omaze okubagoba mu nsi yaabwe, n'okugibeeramu n'ogibeeramu,

30 era ng'amawanga ago gamaze okuzikirizibwa nga naawe olaba, weekuumanga n'otabuuliriza ku bya bakatonda baabwe ng'ogamba nti, "Ab'omu mawanga ago baasinzanga batya bakatonda baabwe, nange njagala nkole bwe ntyo?"

31 MUKAMA Katonda wo tomusinzanga mu ngeri efaanana ng'eya bali, kubanga mu kusinza bakatonda baabwe bakoleramu ebikolobero bingi MUKAMA by'atayagala, by'akyawa. Bayokya ne batabani baabwe ne bawala baabwe mu muliro nga ssaddaaka eri bakatonda baabwe.

32 Kibagwanidde okunyiikiranga okukolanga buli kintu kye mbalagira, tokyongerangako wadde okukikendeezangako.

## 13

1 Mu mmwe bwe mulabikangamu nnabbi oba omuntu n'akutegeeza eby'omu maaso nga yeeyambisa ebirooto, n'alangirira ebyamagero oba ebyewuunyisa ebijja okubeerawo,

2 era ebyamagero ebyo, oba ebyewuunyisa ebyo by'anaabanga alangiridde ne bituukirira, n'alyoka akugamba nti, "Ka tugoberere bakatonda abalala era tubaweerezenga" (bakatonda ggwe b'otomanyangako),

3 towulirizanga bigambo bya nnabbi oyo, oba omuloosi w'ebirooto oyo. Kubanga MUKAMA Katonda wammwe anaabanga abagezesa bugezesa ategeere obanga munaabanga mumwagala n'omutima gwammwe gwonna n'emmeeme yammwe yonna.

4 MUKAMA Katonda wammwe gwe munaagobereranga, era ye yekka gwe munaatyanga, era amateeka ge, ge munaakwatanga, era n'eddoboozi lye, lye munaawulirizanga era lye munaagonderanga, era ku ye kwe munaanywerereranga.

5 Kale nno nnabbi oyo, oba omuloosi w'ebirooto oyo anattibwanga, kubanga anaabanga abasasamaza mujeemere MUKAMA Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, n'abanunula mu nnyumba ey'obuddu, nnabbi oyo ng'akusasamaza, ove mu kkubo ettuufu MUKAMA Katonda wo lye yakulagira okutambulirangamu. Bw'otyo ekibi ekiri mu mmwe, bw'onookimalangamu.

6 Omuntu yenna, ne bw'abanga muganda wo oba mutabani wo, oba muwala wo, oba mukazi wo omuganzi ennyo, oba mukwano gwo gw'oyagala ennyo ow'okulusegere, n'akusendasendanga mu kyama ng'agamba nti, "Jjangu tugende tusinze bakatonda abalala," bakatonda ggwe b'otomanyangako, ne bakadde bo be batamanyangako,

7 bakatonda ab'abantu ababeetoolodde, ab'oku muliraano, oba abeewala, okuva ensi gy'etandikira ne gy'ekoma,

8 tomuwulirizanga, so by'anaakugambanga tobikolanga. Tomusaasiranga era tomuzibiikirizanga wadde okumusonyiwanga.

9 Omuttiranga ddala. Gw'omusokangako ng'attibwa n'abantu bonna ne bassa okwo.

10 Onoomukubanga amayinja n'omutta, kubanga anaabanga agezezzaako okukukyusa akuggye ku MUKAMA Katonda wo eyakuggya mu nsi ey'e Misiri mu nnyumba ey'obuddu.

11 Kale Isirayiri yonna banaakiwuliranga banaatyanga, era tewaabeerengawo mu mmwe n'omu anaddangayo okukola ekibi ng'ekyo.

12 Bw'owuliranga mu kimu ku bibuga MUKAMA Katonda wo by'akuwa okubeerangamu,

13 nga mulimu abantu abali mu mmwe abasituse ne basikiriza abantu b'omu kibuga kyabwe ekyo nga babagamba nti, "Ka tugende tusinze bakatonda abalala," bakatonda be mutamanyangako,

14 kale nno kikusaanira obuulirizenga nnyo ku kintu ekyo, okyekebejjenga, okyekkaanyizenga ddala. Bwe kinaakakasibwanga nga kya mazima, nga wakati mu mmwe waliwo abakoze ekintu ekibi bwe kityo,

15 kale, abantu bonna abanaabeeranga mu kibuga onoobattanga n'ekitala, awamu n'ebisolo byabwe bye balunda byonna.

16 Omunyago gwonna onoogukuŋŋaanyizanga wakati mu kibangirizi eky'omu kibuga, era onooyokyanga ekibuga kyonna n'omunyago gwako n'omuliro, ng'ekiweebwayo ekiri awamu ekyokebwa eri MUKAMA Katonda wo. Ekibuga ekyo kinaasigalanga awo nga kifunvu eky'olubeerera, tekiddibwengamu kuzimbibwa.

17 Tewaabeerengawo kintu na kimu ku ebyo ebinaabanga bimaze okukolimirwa ky'onoosangibwanga nakyo, bwe butyo obusungu bwa

MUKAMA obunaabanga obungi ennyo bunakkakkananga; anaakukwatirwanga ekisa, n'akulaganga okwagala kwe, n'akwongeranga okwala, nga bwe yalayirira bajjajjaabo,
18 kubanga onoogonderanga eddoboozi lya MUKAMA Katonda wo n'okwatanga amateeka ge gonna ge nkuwa leero, n'okolanga ebisaanidde mu maaso ga MUKAMA Katonda wo.

# 14

*Okuwera Empisa ez'Ekikaafiiri*

1 Muli baana ba MUKAMA Katonda wammwe. Temwesalangako misale oba enjola ku mibiri gyammwe, wadde okwemwangako enviiri ez'omu bwenyi nga mufiiriddwa*,
2 kubanga oli ggwanga ttukuvu eri MUKAMA Katonda wo. Mu mawanga gonna ag'oku nsi, MUKAMA ggwe gwe yalondamu okuba eggwanga lye eddonde lye yeefunira.

*Ebyokulya Ebirongoofu n'Ebitali Birongoofu*

3 Temulyanga nnyama ya kisolo kyonna ekitali kirongoofu eky'omuzizo.
4 Bino bye bisolo bye munaalyanga: ente, endiga, embuzi,
5 enjaza, empeewo, ennangaazi, embulabuzi, entamu, enteŋŋo n'endiga ez'omu nsiko.
6 Era munaayinzanga okulya ensolo ezirina ebinuulo ebyawulamu wabiri nga zizza n'obwenkulumu.
7 Naye nno ku ezo ezirina ebinuulo ebyawulamu oba nga zizza obwenkulumu, zino temuziryanga: eŋŋamira, akamyu, n'omusu. Kubanga newaakubadde nga zizza obwenkulumu, ekinuulo kyazo sikyawulemu, si nnongoofu za muzizo gye muli.
8 Embizzi nazo si nnongoofu, kubanga newaakubadde zirina ekinuulo ekyawulemu, naye tezizza bwenkulumu, noolwekyo zinaabanga za muzizo gye muli. Ennyama yaazo temugiryanga so temukwatanga wadde okukoma ku mirambo gyazo.
9 Mu biramu ebibeera mu mazzi, munaalyanga ebyo ebirina amaggwa ku mugongo n'amagalagamba.
10 Naye ebyo byonna ebitalina maggwa na magalagamba temubiryanga, kubanga si birongoofu gye muli.
11 Ennyonyi ennongoofu munaaziryanga.
12 Naye zino temuuziryenga: empungu, ennunda, makwanzi,
13 wonzi, eddiirawamu, kamunye n'ez'ekika kye,
14 namuŋŋoona owa buli ngeri;
15 ne maaya, n'olubugabuga, olusove, enkambo n'ekika kyazo,
16 ekiwuugulu, n'ekkukufu, ekiwuugulu eky'amatu;
17 n'ekimbala, n'ensega, n'enkobyokkobyo;
18 ne kasiida, ne ssekanyolya, n'ekika kye, n'ekkookootezi, n'ekinyira.
19 Ebiwuka byonna ebirina ebiwaawaatiro nga bigendera mu kibinja si birongoofu gye muli, temuubiryenga.
20 Ekiramu kyonna ekirongoofu ekirina ebiwaawaatiro munaayinzanga okukirya.

* **14:1** okwemwangako enviiri ez'omu bwenyi nga mufiiriddwa egyo gyali mize gya kusinza balubaale.

21 Ekintu kyonna kye munaasanganga nga kimaze okufa, temukiryanga. Onooyinzanga okukiwanga munnaggwanga anaabeeranga mu bibuga byo ye n'akirya, oba onooyinzanga okukitunzanga munnaggwanga. Kubanga oli ggwanga ettukuvu eri Mukama Katonda wo.

Tofumbiranga kabuzi kato mu mata ga nnyina waako.

### *Ebiragiro ku Kitundu Ekimu eky'Ekkumi*

22 Buli lw'onookungulanga ebibala byo nga biva mu nnimiro yo buli mwaka, weegenderezanga n'ossangako wabbali ekitundu kyabyo eky'ekkumi.

23 Onoolyanga ekitundu eky'ekkumi eky'emmere y'empeke, n'ekya wayini omusu, n'eky'amafuta, n'eky'ebibereberye eby'ebisibo byo n'eby'amagana go. Onookiriiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo ky'anaabanga yeerondedde eky'okubeerangamu Erinnya lye, olyokenga oyige okutyanga Mukama Katonda wo bulijjo.

24 Naye Mukama ng'akuwadde omukisa, kyokka ng'ekifo ekyo kye yeerondera okubeerangamu Erinnya lye kiri wala n'ewuwo, noolwekyo nga toosobolenga kwetikka ekitundu eky'ekkumi okukituusangayo,

25 kale nno, onookiwaanyisangamu omuwendo gw'ensimbi. Onoogendanga n'ensimbi ezo ng'ozinywezezza mu mukono gwo mu kifo Mukama Katonda wo kye yeerondera.

26 Ensimbi ezo onoozeegulirangamu ekintu kyonna ky'onooyagalanga: gamba ente, oba endiga, oba envinnyo, oba ekyokunywa ekitamiiza, oba ekintu kyonna ky'onooyagalanga. Ggwe awamu n'ab'omu maka go bonna munaaliiranga awo mu maaso ga Mukama Katonda wo nga musanyuka.

27 Naye nno, Omuleevi anaabeeranga naawe mu bibuga byo tomulagajjaliranga, kubanga ye talina mugabo wadde ebyobusika ebibye ku bubwe nga ggwe.

28 Buli myaka esatu, ku buli nkomerero ya mwaka ogwokusatu, onooleetanga ebitundu eby'ekkumi byonna ebyo eby'ebibala byo byonna eby'omwaka ogwo, n'obiterekanga mu mawanika mu bibuga byo.

29 Kale nno, Omuleevi kubanga taabenga na mugabo wadde ebyobusika nga ggwe, ne bamulekwa abatalina bakitaabwe ne nnamwandu; abo bonna abanaabanga babeera mu bibuga byo, bajjenga balye okutuusa lwe banakkutanga; bw'atyo Mukama Katonda wo alyoke akuwenga omukisa mu buli kimu kyonna ky'onookolanga n'emikono gyo.

## 15

### *Omwaka ogw'Okusonyiyirwangamu Amabanja*

1 Ku buli nkomerero y'omwaka ogw'omusanvu, amabanja gonna onoogasonyiwanga.

2 Okusonyiwa okwo kunaabeeranga bwe kuti: buli muntu eyawola munne ebbanja, anaasazangamu ebbanja eryo lye yamuwola. Temubanjanga Bayisirayiri bannammwe, kubanga ebiro Mukama by'anaabanga ataddewo eby'okusonyiwagana amabanja binaabanga bimaze okulangiririrwa.

3 Onooyinzanga okubanja munnaggwanga akusasule*, naye ebbanja muganda wo ly'akulinako onoolimusonyiwanga.

---

* **15:3** Obutafaanana ng'Abayisirayiri, bannaggwanga baalimanga ettaka lyabwe omwaka ogwo; noolwekyo baasobolanga okusasula amabanja gaabwe.

4 Naye tewaabeerengawo mwavu mu mmwe kubanga ng'otuuse mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okugyefunira ng'obutaka bwo obw'enkalakkalira n'akuyiwangako emikisa gye emingi,

5 kasita onoogonderanga ddala MUKAMA Katonda wo, n'ogoberera n'obwegendereza ebiragiro bino byonna bye nkuwa leero.

6 Kubanga MUKAMA Katonda wo agenda kukuyiwako emikisa gye nga bwe yakusuubiza. Amawanga mangi onoogawolanga naye ggwe tojjanga kugeewolako. Onoofuganga amawanga mangi, naye go tegaakufugenga.

7 Bw'onoobanga oli mu bibuga by'omu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa, mu mmwe bwe munaabangamu munno omwavu ali mu kwetaaga tokakanyazanga mutima gwo wadde okukodowaliranga muganda wo oyo omwavu.

8 Omwanjululizanga engalo zo, n'omuwolanga n'okwagala kyonna ky'anaabanga yeetaaga okumuwewulako obuzibu bwe.

9 Weekuumenga nnyo olemenga kubeeranga na ndowooza eno embi mu mutima gwo nti, "Omwaka ogw'omusanvu ogw'okusonyiwa amabanja gusembedde," muganda wo n'omukwatirwa ettima n'otobaako ky'omuwa. Muganda wo ayinza okujulira eri MUKAMA n'osangibwanga ng'ogudde mu kibi.

10 Muwenga n'okwagala n'obutajuliriranga, kubanga olw'omwoyo ng'ogwo, MUKAMA Katonda wo ajjanga kukuwanga omukisa mu mirimu gyo gyonna, ne mu buli kintu ky'onootuusangako engalo zo.

11 Olwokubanga mu nsi temuubulengamu baavu abali mu kwetaaga, kyenva nkulagira nti muganda wo omwavu era ali mu kwetaaga omwanjululizanga engalo zo bulijjo mu nsi yo.

### *Okuwa Eddembe Abaddu Abagule*

12 Omusajja Omwebbulaniya oba omukazi Omwebbulaniya gw'onoobanga oguze okukuweerezanga, bw'anaamalangako emyaka omukaaga, mu mwaka ogw'omusanvu onoomuddizanga eddembe lye.

13 Era bw'onoomutanga tomusiibulanga ngalo nsa.

14 Omuwangako, nga teweebalira, ku magana go, ne ku mmere yo ey'empeke, ne ku wayini wo. Omuwanga nga MUKAMA Katonda wo bw'anaabanga akuwadde omukisa.

15 Ojjukiranga nga wali muddu mu nsi y'e Misiri, MUKAMA Katonda wo n'akununulayo. Noolwekyo kyenva nkuwa ekiragiro kino leero.

16 Naye omuddu bw'anaakugambanga nti, "Sijja kuva wano," kubanga akwagala nnyo ggwe n'abali mu maka go, era nga bw'abeera naawe aba bulungi;

17 kale nno, onoomulazanga awali oluggi, n'oddira olukato n'olufumitanga† mu kutu kwe okw'ebweru ne luyingira ne mu luggi; olwo anaabanga afuuse muweereza wo ennaku zonna ez'obulamu bwe bwonna. N'omuweereza wo omukazi naye onoomuyisanga bw'otyo.

18 Tolowoozanga nti omukwatiddwa ekisa kubanga akuweerezza okumala emyaka mukaaga, nga buli mulimu gw'akola gwandikoleddwanga abaweereza ab'empeera babiri balamba. Era mu byonna by'onookolanga, MUKAMA Katonda wo anaakuwanga omukisa.

### *Ebibereberye eby'Ebisolo Ebirundibwa*

19 Buli bibereberye ebisajja ebinaazaalibwanga mu ggana lyo ne mu kisibo kyo, onoobitukuzanga era binaabanga bya MUKAMA Katonda

† **15:17** Okuwumula okutu kaali nga kabonero ka buddu.

wo. Ente zo ennume embereberye tozikozesanga mirimu, n'endiga zo embereberye tozisalangako byoya.
20 Ebibereberye ebyo onoobiryanga buli mwaka, buli mwaka, ggwe n'ab'omu nju yo bonna, nga mubiriiranga mu maaso ga MUKAMA Katonda wo, mu kifo MUKAMA ky'anaabanga yeerondedde.
21 Ekisolo bwe kinaabeerangako akamogo, gamba nga kirema, oba nga kizibe kya maaso, oba nga kiriko ekikyamu kyonna ekinene, tokireetanga ng'ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda wo.
22 Onookiriiranga mu bibuga byo. Omulongoofu n'atali mulongoofu mwenna munaabiryanga nga bwe munaalyanga empeewo oba enjaza.
23 Naye omusaayi togulyanga, oguyiwanga wansi ku ttaka ng'ayiwa amazzi.

# 16

### *Embaga ey'Okuyitako*

1 Ojjukiranga omwezi ogwa Abibu ng'ogukwatiramu Okuyitako kwa
MUKAMA Katonda wo, kubanga ekiro mu mwezi gwa Abibu, MUKAMA Katonda wo mwe yakuggyira mu nsi y'e Misiri.
2 Onooleetanga ekiweebwayo eri MUKAMA eky'Okuyitako, ng'okiggya mu ggana lyo, ne mu kisibo kyo mu kifo MUKAMA ky'anaabanga yerondedde nga kye ky'okubeerangamu Erinnya lye.
3 Tokiryanga na mugaati omuzimbulukuse. Onoomalanga ennaku musanvu ng'emigaati gy'olya si mizimbulukuse, gye migaati egy'okulaba ennaku, kubanga mu Misiri wavaayo mu bwangu, bw'otyo olyokenga ojjukirenga, mu nnaku zonna ez'obulamu bwo, olunaku lwe wasitulirako ng'ova mu nsi y'e Misiri.
4 Tewaabeerengawo asangibwa na kizimbulukusa mu nsi yo yonna okumalanga ennaku musanvu. Ennyama gy'onooteekateekanga, ey'ekiweebwayo, akawungeezi ku lunaku olw'olubereberye teesigalengawo kutuusa nkeera.
5 Tokkirizibwenga kuweerangayo mu bibuga byo MUKAMA Katonda wo by'akuwa, ekiweebwayo eky'Okuyitako,
6 wabula onookiweerangayo mu kifo MUKAMA ky'anaabanga yeerondedde eky'okubeerangamu Erinnya lye. Eyo gy'onooweerangayo Okuyitako akawungeezi ng'enjuba egwa, ng'ojjukiranga olunaku lwe wasitulirako ng'ova mu nsi y'e Misiri.
7 Onoofumbanga okuyitako okwo n'okuliira mu kifo MUKAMA Katonda wo kye yeerondera. Enkeera onoddangayo mu weema yo.
8 Onoolyanga emigaati egitali mizimbulukuse okumala ennaku mukaaga, kyokka ku lunaku olw'omusanvu kunaabanga kukuŋŋaana mu maaso ga MUKAMA Katonda wo okumusinza; tolukolerangako mulimu gwonna.

### *Embaga ey'Amakungula*

9 Onoobalanga wiiki musanvu okuva ku kiseera lw'onookungulanga emmere ey'empeke okuva mu nnimiro yo omulundi ogusooka.
10 Kale nno onookwatanga Embaga ya Wiiki ezo ng'oleetera MUKAMA Katonda wo ekiweebwayo ekya kyeyagalire ekinaavanga mu ngalo zo, ng'emikisa bwe ginaabeeranga MUKAMA Katonda wo gy'anaabanga akuwadde.
11 Onoosanyukiranga mu maaso ga MUKAMA Katonda wo mu kifo ky'anaabanga yeerondedde okubeerangamu Erinnya lye.

Onoosanyukanga ne batabani bo, ne bawala bo, n'abaweereza bo abasajja, n'abaweereza bo abakazi, n'Omuleevi anaabeeranga mu bibuga byo, ne munnaggwanga ne mulekwa, ne nnamwandu abanaabeeranga mu mmwe.
12 Ojjukiranga nga bwe wali omuddu mu nsi ey'e Misiri, osaana
ogonderenga ebiragiro ebyo n'obwegendereza.

*Embaga ey'Ensiisira*

13 Onookwatanga Embaga ey'Ensiisira okumala ennaku musanvu ng'omaze okuyingiza ebyamakungula byo okubiggya mu gguuliro, ne wayini ng'omuggye mu ssogolero lyo.
14 Onoojaguzanga ng'oli ku Mbaga eyo, ggwe, ne mutabani wo, ne muwala wo, n'omuweereza wo omusajja, n'omuweereza wo omukazi, n'Omuleevi, n'omunnaggwanga, ne mulekwa, ne nnamwandu, abanaabeeranga mu bibuga byo.
15 Onoomalanga ennaku musanvu ng'ojaguza ku Mbaga eyo mu maaso ga MUKAMA Katonda wo mu kifo MUKAMA ky'aneeronderanga. Kubanga MUKAMA Katonda wo anaakuwanga omukisa mu bibala byonna eby'amakungula go, ne mu mirimu gyo gyonna gy'onootuusangako engalo zo, essanyu lyo bwe lityo linaabanga lijjuvu.
16 Abasajja bonna mu mmwe banaakuŋŋaananga emirundi esatu buli mwaka, mu maaso ga MUKAMA Katonda wo, mu kifo ky'aneeronderanga, ku Mbaga y'Emigaati Egitali Mizimbulukuse, ne ku Mbaga eya Wiiki Omusanvu, ne ku Mbaga ey'Ensiisira. Tewaabengawo n'omu anajjanga engalo enjereere awali MUKAMA.
17 Buli omu anaaleetanga ekirabo kye ng'obusobozi bwe bwe bunaabanga, nga bwesigamizibwa ku mikisa MUKAMA Katonda wo gy'anaabanga akuwadde.

*Abalamuzi*

18 Onoolondanga abalamuzi n'abakulembeze mu bantu, mu bika byo byonna, mu bibuga byo byonna, MUKAMA Katonda wo by'akuwa, baweerezenga abantu nga babasalirawo ensonga zaabwe nga tebasaliriza.
19 Obeeranga n'obwenkanya, era tobanga na kyekubiira ng'osala emisango. Tolyanga nguzi, kubanga enguzi eziba amaaso g'omugezi era ebuzaabuza ebigambo by'abatuukirivu.
20 Ogobereranga bwenkanya bwokka olyoke olye ensi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa.

*Obutasinzanga Bakatonda Balala*

21 Tosimbanga miti gya kusinza okumpi n'ekyoto ky'onoozimbiranga MUKAMA Katonda wo;
22 wadde okuyimirizangawo empagi ey'amayinja ey'okusinzanga; kubanga ebyo byonna MUKAMA Katonda wo tabyagala abikyayira ddala.

# 17

1 Toleetanga kiweebwayo eri MUKAMA Katonda wo eky'ente oba eky'endiga ng'eriko akamogo oba ekikyamu kyonna, kubanga ebiri ng'ebyo Katonda wo abikyayira ddala.
2 Omuntu yenna omusajja oba omukazi abeera mu mmwe, mu kimu ku bibuga MUKAMA Katonda wo by'akuwa, bw'anaakwatibwanga ng'akoze ebibi mu maaso ga MUKAMA Katonda wo, ng'amenye endagaano ya MUKAMA,

3 era ng’ajeemedde ekiragiro kyange n’asinza bakatonda abalala, ng’enjuba, oba omwezi, oba emmunyeenye ez’oku ggulu, bye siragiranga okubisinzanga,
4 ekikolwa ekyo ne kikutegeezebwangako; kale onookinoonyerezangako n’obwegendereza. Bwe kinaakakasibwanga nga kya mazima, ng’ekibi ekyo kikoleddwa mu Isirayiri,
5 onoofulumyanga omusajja oyo, oba omukazi oyo, akoze ekibi ekyo, wabweru wa wankaaki w’ekibuga n’omukuba amayinja, n’afa.
6 Omuntu anattibwanga nga wamaze kulabikawo obujulizi bw’abantu babiri oba basatu, naye omuntu tattibwenga ku bujulizi bw’omuntu omu yekka.
7 Abajulizi be banaasookanga okukasuukirira omuntu oyo amayinja, n’abalala ne bagoberera. Kinaakusaaniranga okwemalangako ebibi ebinaabeeranga wakati mu mmwe.

### *Embuga Ezinaasalirwangamu Emisango*

8 Bwe wanaabangawo emisango egireeteddwa mu mbuga yo nga mizibu gikukaluubiridde okusala, oba nga gya kuyiwa musaayi, oba gya kuwozaŋŋanya, oba kukubagana, oba ensonga endala zonna ezinaabangamu enkaayana mu bibuga byo, ensonga ezo zonna onoozitwalanga mu kifo MUKAMA Katonda wo ky’anaabanga yeerondedde.
9 Bw’onootuukanga eyo oneebuuzanga ku bakabona, be Baleevi, ne ku mulamuzi anaabanga akola omulimu ogwo mu kiseera ekyo. Banaakutegeezanga ensala yaabwe.
10 Onookoleranga ku nsala yaabwe eyo gye banaakuwanga mu kifo ekyo MUKAMA ky’anaabanga yeerondedde. Weegenderezanga nnyo n’okola ebyo bye banaabanga bakulagidde.
11 Kinaakugwaniranga okukola ng’amateeka ge banaabanga bakunnyonnyodde bwe gagamba, n’ensala yaabwe nga bw’eneebanga gye banaakutegeezanga. Bye banaakutegeezanga tobivangako kulaga ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono.
12 Omuntu yenna anaanyoomanga omulamuzi oba kabona eyateekebwawo okuweereza MUKAMA Katonda wo, omuntu oyo wa kufa. Bw’otyo bw’onoomalangamu ekibi mu Isirayiri.
13 Abantu bonna banaabiwuliranga ne batya, ne bataddayo nate kukola bya kyejo.

### *Eby’Obwakabaka*

14 Bw’olimala okuyingira mu nsi MUKAMA Katonda wo gy’akuwa, n’ogirya, n’obeera omwo, oliyinza okugamba nti, “Leka neeteekerewo kabaka ananfuganga okufaanana ng’amawanga amalala gonna aganneebunguludde;”
15 Weegenderezanga n’ossaawo kabaka oyo MUKAMA Katonda wo gw’anaakulonderanga. Kikugwanira okumuggyanga mu bantu bo bennyini. Tokkirizibwenga kwessizangawo kabaka omunnaggwanga anaabanga tavudde mu baganda bo bennyini, okukufuganga.
16 Kabaka oyo tateekwa kwefuniranga mbalaasi nnyingi, wadde okutumanga abantu mu Misiri bamufunirengayo embalaasi endala okwongeranga ku z’alina obungi; kubanga MUKAMA yagamba nti, “Temuddangayo kukwata kkubo eryo,”
17 Tawasanga bakazi bangi kubanga bagenda kumukyamyanga. So tekimugwanira kwetuumangako zaabu n’effeeza ennyingi ennyo.

18 Bw’anaamalanga okutebenkera ku ntebe ey’obwakabaka bwe,
anaakoppololeranga amateeka gano mu kitabo ng’agaggyanga ku ga
bakabona, Abaleevi.
19 Ekitabo ekyo anaabeeranga nakyo bulijjo, era anaakisomanga ennaku
zonna ez’obulamu bwe, alyokenga ayige okutyanga Mukama Katonda we,
ng’agobereranga n’obwegendereza ebigambo byonna ebiri mu mateeka
gano, ne mu biragiro,
20 nga teyeekulumbaza kusukkirira ku bannansi banne, era nga takyama
kuva ku mateeka gano okulaga ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono.
Bw’anaakolanga bw’atyo, ye, n’ezzadde lye banaafuganga mu bwakabaka
bwe, mu Isirayiri, okumala ennaku nnyingi.

# 18

*Abaleevi Bakabona*

1 Bakabona, Abaleevi n’ekika kyonna ekya Leevi, tebaafunenga mu-
gabo oba bya busika mu Isirayiri. Banaaweebwanga ku biweebwayo
ebyokebwa ebinaaleetebwanga eri Mukama Katonda; ogwo gwe gunaa-
banga omugabo ogw’obusika bwabwe.
2 Tebaabeerenga na mugabo gwa busika nga bannaabwe abalala bonna
mu Isirayiri, kubanga Mukama Katonda yabasuubiza nga y’anaabanga
obusika bwabwe.
3 Bino bakabona bye banaagabananga ku biweebwayo eby’ente za
sseddume n’endiga abantu bye banaabanga baleese: bakabona banaafu-
nangako omukono n’emba zombi, n’eby’omu lubuto.
4 Era onoobawanga ebibala byo ebibereberye eby’emmere ey’empeke,
n’ebya wayini wo, n’amafuta go, n’ebyoya ebisooka eby’endiga zo.
5 Kubanga Mukama Katonda wo yeeroboza Leevi n’ezzadde lye mu
bika byo byonna okuweerezanga mu linnya lya Mukama emirembe
n’emirembe.
6 Omuleevi bw’anaavanga mu kimu ku bibuga byo ebiri mu Isirayiri
gy’abadde atuula, n’ajja nga bw’anaabanga yeeteeserezza, n’ajja mu kifo
Mukama Katonda ky’aneeronderanga,
7 anaayinzanga okuweereza mu linnya lya Mukama Katonda we ok-
ufaanana nga Abaleevi banne abalala aba buli kiseera abanaabanga
baweereza mu linnya lya Mukama Katonda mu kifo ekyo.
8 Anaagabananga kyenkanyi ne banne abaabulijjo, ne bw’anaabanga
ng’alina ensimbi ezize ku bubwe z’anaabanga aggye mu by’omu maka
ge by’atunze.

*Okuwera Empisa ez’Obulogo n’Obusamize*

9 Bw’onooyingira mu nsi Mukama Katonda wo gy’akuwa, weeku-
ume obutayiga kukopperera mpisa embi ez’abantu ab’omu mawanga
g’olisanga mu nsi omwo.
10 Tewabeerangawo omuntu n’omu alirabika ng’ayisa mutabani we, oba
muwala we mu muliro, ng’ekiweebwayo, oba ng’akola ng’omulaguzi, oba
omulogo, oba omusawo w’ekinnansi, oba avvuunula eby’omu biseera
ebijja,
11 oba asuula abantu eddalu, oba emmandwa, oba omusamize, oba
omulubaale, oba ayogera n’emizimu, oba eyeebuuza ku baafa.
12 Omuntu yenna anaakolanga ebintu ng’ebyo, anaabanga kivume era
ekyomuzizo eri Mukama. Era olwokubanga ab’omu mawanga ago bakola

ebyomuzizo ebyo, MUKAMA Katonda wo kyanaava abagoba mu nsi omwo ng'ogiyingira.
13 Kikugwanira obenga muwulize nnyo, atuukiridde mu maaso ga MUKAMA Katonda wo.
14 Newaakubadde ng'abantu ab'omu mawanga ago b'ogenda okulyako ensi yaabwe, bagondera nnyo abalaguzi n'abasamize, naye ebyo MUKAMA Katonda wo, ggwe, takukkiriza kubikola.

*Okusuubizibwa Nnabbi Omuggya*

15 MUKAMA Katonda wo agenda kukuyimusiza Nnabbi ali nga nze, ng'amuggya mu bantu bo. Nnabbi oyo mumuwulirizanga era mumugonderanga.
16 Kubanga ekyo kye wasaba MUKAMA Katonda wo ku lunaku olw'okukuŋŋaana ku lusozi Kolebu ng'ogamba nti, “Sisaanidde kuddayo nate kuwulira ddoboozi lya MUKAMA Katonda wange wadde okuddayo okulaba omuliro guno omungi, nneme okufa.”
17 MUKAMA Katonda kwe kunnyanukula nti, “Kye bagambye kirungi era kituufu.
18 Nzija kubayimusiza Nnabbi ali nga ggwe okuva wakati mu bo; Nze nnaasanga ebigambo byange mu kammwe ke, ye n'abategeezanga bye nnaamulagiranga.
19 Omuntu yenna ataagonderenga bigambo Nnabbi by'anaayogeranga mu linnya lyange, Nze kennyini, Nze nnaamwekolerangako.
20 Naye nnabbi anaayogeranga mu linnya lya bakatonda abalala, oba aneetulinkirizanga nti ayogera mu linnya lyange, songa si Nze mmulagidde okubyogera, nnabbi oyo wa kufa.”
21 Oyinza okwebuuza nti, “Tunaamanyanga tutya ng'ebigambo ebyo MUKAMA Katonda si y'anaabanga abyogedde?”
22 Ebigambo nnabbi by'anaayogeranga mu linnya lya MUKAMA bwe bitaatuukirirenga oba bwe bitaabenga bya mazima, ng'ebigambo ebyo MUKAMA Katonda si y'abyogedde. Nnabbi oyo by'anaabanga ayogedde anaabanga abiyiiyizza buyiiya. Ebyo tebibatiisanga.

# 19

*Amateeka ku Bibuga eby'Okuddukirangamu*

1 MUKAMA Katonda wo bw'alimala okuzikiriza amawanga kaakano agali mu nsi gy'akuwa, n'ogyefunira, ne weetwalira ebibuga byabwe, n'amaka gaabwe n'obeera omwo,
2 weeyawulirangako ebibuga bisatu* nga biri wakati mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okugirya.
3 Okolanga enguudo eziraga mu bibuga ebyo; ensi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeera obusika bwo obw'enkalakkalira, ogyawulangamu ebitundu bisatu, kale buli anattanga omuntu anaddukiranga mu kimu ku bibuga eby'omu bitundu ebyo.
4 Etteeka lino likwata ku muntu anattanga munne nga tagenderedde kubanga anaabanga tamulinaako kiruyi kyonna, oyo eyasse anaddukiranga mu kimu ku bibuga ebyo awonye obulamu bwe.
5 Ekyokulabirako kiikino: Singa omuntu agenda ne munne okutema omuti mu kibira n'embazzi, naye ng'abadde agiwuuba ateme omuti,

* **19:2** ebibuga bisatu Bino byali bibuga bisatu ebirala eby'okuddukirangamu, nga biri mu bugwanjuba bwa Yoludaani.

embazzi n'ewanguka mu kiti kyayo, n'etema munne n'afa, eyasse anaayinzanga okuddukira mu kimu ku bibuga ebyo, n'atattibwa.

6 Ebibuga ebyo tebisaanira kuba wala nnyo, kubanga oli ayagala okuwalanira omufu eggwanga bw'anaafubanga okugoba eyasse embiro okutuusa ng'amukutte, aleme kusobola kumukwata, naye n'amutta, songa eyasse oli yali tagenderedde kutta munne, kubanga ku bombi tekwaliko mulabe wa munne.

7 Kyenva nkulagira okweyawulirangako ebibuga bisatu.

8 MUKAMA Katonda wo bw'anaakugaziyirizanga amatwale go, nga bwe yalayirira bajjajjaabo, n'akuwa ettaka lyonna lye yasuubiza bajjajjaabo,

9 kasita onookwatanga amateeka gonna ge nkulagira leero, kwe kwagalanga MUKAMA Katonda wo, n'okutambuliranga mu makubo ge, kale ku bibuga bino ebisatu onooyongerangako ebirala bisatu.

10 Ekyo onookikolanga okuziyiza omusaayi gw'omuntu ataliiko musango okuyiikira obwereere mu nsi yo MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeera obusika bwo obw'enkalakkalira, omusaayi oguyiise gulemenga kubeera ku ggwe.

11 Naye omuntu bw'anaabanga n'ekiruyi ku munne, n'amwekwekerera n'amutta, n'alyoka addukira mu kimu ku bibuga ebyo,

12 abakulembeze abakulu ab'omu kibuga ky'omutemu, banaamutumyangayo ne bamuggyayo, ne bamukwasa anaabanga agenda okuwoolera eggwanga ery'omusaayi gw'omufu, omutemu n'alyoka attibwa.

13 Tomusaasiranga. Kikugwanira okumalirawo ddala mu Isirayiri okuyiwa omusaayi ogutaliiko musango, olyoke obeerenga bulungi n'emirembe.

### *Ensalo z'Obwannannyini*

14 Tosimbulanga bituuti ebiri mu mpenda eziraga ensalo ya buli muntu ne muliraanwa we, ebyasimbibwawo ab'omu mirembe egyasooka, ebiraga ettaka ly'onoogabana mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okugirya.

### *Etteeka ku Bajulizi*

15 Omujulizi omu taamalenga, okusinzisa omuntu omusango gw'anaabanga azzizza, oba olw'ekikolwa ekibi ky'anaabanga akoze nga kyekuusa ku musango gw'anaabanga azzizza. Wanaamalanga kubeerawo obujulizi bw'abantu babiri oba basatu, olwo nno ekivunaanwa omuntu oyo ne kiryoka kinywezebwa.

16 Omujulizi ow'obulimba bw'aneesowolangayo n'avunaana omuntu nti musobya,

17 abantu bombi abawozaŋŋanya banajjanga mu maaso ga MUKAMA Katonda awali bakabona n'abalamuzi abanaabanga ku mulimu mu kiseera ekyo.

18 Abalamuzi kinaabagwaniranga okubuulirizanga ennyo n'obwegendereza. Omujulizi oyo bw'anaakakasibwanga nga mulimba, ng'obujulizi bw'awadde ku munne bugingirire,

19 munaamukolangako nga naye bw'abadde ayagala munne akolweko. Bw'atyo n'omalirawo ddala ebikolwa ebibi ebiri wakati mu mmwe.

20 Abalala bwe banaakiwuliranga banaatyanga, ng'olwo mu mmwe temukyali baddayo kuzzanga musango gufaanana ng'ogwo.

21 Tobasaasiranga; obulamu busasulwenga na bulamu, eriiso olw'eriiso, erinnyo olw'erinnyo, omukono olw'omukono n'ekigere olw'ekigere.

# 20

*Amateeka g'Olutalo*

1 Bw'onoobanga ogenze okutabaala abalabe bo, n'olaba embalaasi
n'amagaali n'eggye eddene okukira eriryo, tobatyanga; kubanga MUKAMA
Katonda wo, eyakuggya mu nsi y'e Misiri, anaabanga naawe.
2 Bwe munaabanga muli kumpi okutandika okulwana, kabona anajjanga
n'ayogera eri eggye ly'abaserikale,
3 n'abagamba nti, "Wulira, Ayi Isirayiri! Olwa leero mugenda oku-
tandika okulwana n'abalabe bammwe. Temuggwaamu mutima, so
temutiitiira wadde okubatya.
4 Kubanga MUKAMA Katonda wammwe y'anaagendanga nammwe
okubalwanirira ng'alwanyisanga abalabe bammwe, n'okubawanga
mmwe obuwanguzi."
5 Abaami banaayogeranga eri eggye nga bagamba nti, "Waliwo mu
mmwe alina ennyumba empya gye yeezimbira naye nga tennatukuzibwa?
Kimusanidde addeyo mu nnyumba ye, si kulwa ng'afiira mu lutalo,
omulala n'agitukuza.
6 Waliwo mu mmwe eyalima ennimiro y'emizabbibu naye nga tan-
natandika kulya ku bibala byamu? Kimusaanidde addeyo mu maka ge,
si kulwa ng'afiira mu lutalo, omuntu omulala n'alya ebibala byamu.
7 Waliwo mu mmwe eyali ayogereza omukazi, naye nga tannamuwasa?
Kimugwanidde addeyo mu maka ge, si kulwa ng'afiira mu lutalo, omuntu
omulala n'awasa omukazi oyo."
8 Abaami banaayongeranga okwogera eri eggye nga bagamba nti,
"Waliwo mu mmwe omutiitiizi, oba aweddemu amaanyi mu mutima?
Kimusaanidde addeyo mu maka ge, si kulwa ng'aleetera banne omutima
omutiitiizi."
9 Abaami bwe banaamalanga okwogera eri eggye, banaalondanga
abakulu mu balwanyi abanaakulemberanga eggye eryo.
10 Bw'onoosembereranga ekibuga ng'ogenda okukirwanyisa, osookanga
kulangirira mirembe eri abantu baamu.
11 Bwe banakkirizanga emirembe, ne bakuggulirawo emiryango
gy'ekibuga kyabwe, kale abantu baamu bonna banaafuukanga baweereza
bo, okukukoleranga byonna nga bw'onooyagalanga.
12 Naye ekibuga ekyo bwe kinaagaananga okukkiriza emirembe, ne
kisalawo okukulwanyisa, onookyebungululanga n'okizingiza.
13 MUKAMA Katonda wo bw'anaakigabulanga mu mukono gwo, onot-
tanga n'ekitala buli musajja yenna.
14 Kyokka abakazi n'abaana abato, n'ebisibo by'ensolo, n'ebintu byonna
ebinaabanga mu kibuga omwo, onoobyetwaliranga ng'omunyago gwo.
Era onookozesanga nga bw'onooyagalanga omunyago gwonna ogunaa-
vanga mu balabe bo MUKAMA Katonda wo gw'anaabanga akuwadde.
15 Bw'otyo bw'onookolanga ebibuga byonna ebinaakubeeranga ewala
ennyo, ebitaabenga bibuga bya mawanga gano.
16 Naye mu bibuga bino MUKAMA Katonda wo by'akuwa okuba
obusika bwo obw'enkalakkalira, tewaabeerengawo kintu n'ekimu
ky'onoolekangamu nga kissa omukka, byonna onoobizikiririzanga ddala.
17 Abakiiti, n'Abamoli, n'Abakanani, n'Abaperezi, n'Abakiivi,
n'Abayebusi, onoobamalirangawo ddala, nga MUKAMA Katonda wo
bw'akulagidde,

18 balemenga kubayigiriza bikolobero bye bakola nga basinza bakatonda baabwe, bwe mutyo nammwe ne mwonoonanga eri MUKAMA Katonda wammwe.
19 Bw'onoozingizanga ekibuga, ng'olwana nakyo, okumala ebbanga eddene olyoke okiwangule, toddiranga mbazzi n'ozikiriza emiti gyakyo gyonna, kubanga ojjanga kwetaaga okulyanga ku bibala byagyo. Togitemanga. Emiti egy'omu nnimiro nagyo bantu olyoke ogizingize?
20 Naye emiti gy'omanyi nga si gya bibala, egyo onoogitemanga olyoke ogikozesenga okuzimba ekisenge kw'onoosinziiranga okulwananga n'ekibuga ky'onoobanga ozingizza, okutuusa lwe kinaagwanga.

# 21

### *Etteeka ku Butemu ng'Eyatemula Tamanyiddwa*

1 Bw'olimala okuyingira mu nsi MUKAMA Katonda gy'akuwa okugirya, omuntu n'asangibwa mu nsiko ng'attiddwa, kyokka ng'eyamusse tamanyiddwa,
2 bakadde bo, abakulembeze, n'abalamuzi bo banaafulumanga ne bagenda bapima obuwanvu bw'ebbanga okuva ku mulambo okutuuka ku bibuga ebinaabanga bigwebulunguludde.
3 Kale nno abakadde abakulembeze b'ekibuga ekinaabanga kisinga okuliraana n'omulambo ogwo, banaaddiranga ente enduusi etakozesebwangako mulimu gwonna, etassibwangamu kikoligo,
4 ne bagiserengesa mu kiwonvu ekirimu akagga akakulukuta; ekitalimwangamu wadde okusimbwamu emmere. Mu kiwonvu omwo mwe banaanyoleranga ensingo y'ente eyo ne bagimenya.
5 Kale nno batabani ba Leevi, bakabona, banaavangayo ne basembera, kubanga MUKAMA Katonda wo yabalonda okumuweerezanga, n'okusabiranga emikisa mu linnya lya MUKAMA n'okutereezanga empaka zonna n'obulumbaganyi.
6 Awo abakadde abakulembeze bonna ab'omu kibuga ekinaasinganga okuliraana omulambo ogwo, banaanaabiranga engalo zaabwe ku nte eri enduusi eyamenyebbwa ensingo mu kiwonvu*,
7 ne boogera nti, "Emikono gyaffe si gye gyayiwa omusaayi guno, ne bwe gwali guyiyibwa amaaso gaffe tegaagulaba, tetwaliwo nga guyiyibwa.
8 Osonyiwe abantu bo, Isirayiri, be wanunula Ayi MUKAMA Katonda, oleme kuleka wakati mu bantu bo, Isirayiri, omusango ogw'okuyiwa omusaayi, gwe batazzanga." Bwe batyo banaasonyiyibwanga omusango gw'omusaayi ogwo.
9 Bw'otyo bw'onoggyangawo omusango wakati wammwe ogw'okuyiwa omusaayi ogutaliiko nsonga, kubanga onoobanga okoze ekituufu mu maaso ga MUKAMA Katonda.

### *Okuwasa Omukazi Omunyage*

10 Bw'ogendanga okutabaala balabe bo, MUKAMA n'abagabula mu mikono gyo n'onyagayo abantu,
11 mu abo abanyagiddwa bw'onoolabangamu omukazi alabika obulungi n'omwagala, n'oyagala okumuwasa,
12 omutwalanga mu maka go, n'omulagira okumwa omutwe gwe, n'okusalako enjala ze,

---

* **21:6** Ke kabonero akalaga ng'omuntu yejeeredde omusango gw'obussi.

13 n'engoye ze mwe yawambirwa azeeyambulangamu.
Bw'anaamalanga mu nju yo omwezi mulamba ng'akungubagira kitaawe
ne nnyina, onoogendanga gy'ali n'obeera bba, naye anaabeeranga mukazi
wo.
14 Kyokka bw'anaabanga takusanyusizza, omuwanga eddembe n'agenda
so tomutundanga nsimbi. Tomuyisanga nga muddu, kubanga ggwe
wamumalamu ekitiibwa kye.

*Eddembe ery'Obwebange ery'Omwana Omubereberye*

15 Omusajja bw'anaabanga n'abakazi babiri, omu nga muganzi naye
omulala nga mukyawe, bombi ne bamuzaalira abaana aboobulenzi, naye
ng'omwana omubereberye ye w'omukyawe;
16 bw'anaabanga agabira batabani be abo ebintu bye mu ddaame
lye, takkirizibwenga kuyisa mwana wa muganzi ng'omubereberye, singa
omwana w'omukyawe ye mubereberye.
17 Anaasaaniranga okukkiriza nti omwana w'omukyawe ye mubere-
berye, era anaamuwanga emiteeko ebiri egy'ebintu bye byonna by'alina,
kubanga oyo ge maanyi ga kitaawe amabereberye. Ye nannyini ddembe
ery'obwebange ery'omwana omubereberye.

*Abaana Abakakanyavu Abatawulira*

18 Omuntu bw'anaabanga ne mutabani we omukakanyavu omujeemu
atagondera biragiro bya kitaawe wadde ebya nnyina, atabafaako bwe
bamubonerezaamu olw'obutawulira,
19 kitaawe ne nnyina banaamukwatanga ne bamuleeta eri abakulu
abakulembeze ab'omu kibuga kye waabwe nga bali wabweru
w'omulyango gw'ekibuga ekyo.
20 Banaategeezanga abakulu abakulembeze b'omu kibuga kye waabwe
nti, "Mutabani waffe ono mukakanyavu era mujeemu. Tatuwulira. Wa
mulugube nnyo era mutamiivu."
21 Kale nno abasajja b'omu kibuga ekyo banaamukubanga amayinja ne
bamutta. Bw'otyo bw'onoomalangawo ekibi wakati wo. Isirayiri yenna
anaakiwuliranga, n'atya.

*Amateeka Agatali Gamu*

22 Omuntu bw'anaasingibwanga ogw'okufa n'attibwa, n'awanikibwa ku
muti,
23 omulambo gwe teguulekebwenga ku muti ne gusulako ekiro kyonna;
onoomuziikanga ku lunaku olwo lwennyini, kubanga omuntu awanikibwa
ku muti, Katonda aba amukolimidde. Togwagwawazanga nsi MUKAMA
Katonda wo gy'akuwa okugirya okubeera obusika bwo obw'enkalakkalira.

# 22

*Okuyambagana*

1 Bw'olabanga ente ya munno, oba endiga ye, ng'ebula okuva ewaabayo,
togirekanga bulesi ne weesuulirayo ogwa nnaggamba naye ogikwatanga
n'ogizzaayo ewa nnyiniyo.
2 Nannyini yo bw'abanga tasula kumpi naawe, obanga nannyini yo to-
mumanyi, ogireetanga mu maka go n'obeeranga nayo okutuusa nannyini
yo lw'alijja ng'aginoonya; olwo nno n'olyoka ogimuddiza.
3 Okolanga bw'otyo ng'osanze endogoyi ya munno, obanga olonze
ekyambalo kya munno, oba ekintu kyonna ekirala munno ky'anaabanga
abuliddwa kyokka ggwe n'okironda. Tolemanga kuyamba munno

ng'ali mu buzibu, ate nga wandisobodde okumuyamba. Obusobozi bw'onoobanga nabwo okuyamba munno tobumukwekanga.

4 Bw'onoolabanga endogoyi ya munno, oba ente ye, ng'egudde ku kkubo, togiyitangako buyisi, wabula omuyambanga okugiyimusa.

### *Omusajja Okwefaanaanyiriza Omukazi, oba Omukazi Okwefaanaanyiriza Omusajja*

5 Omukazi taayambalenga ngoye za kisajja, so n'omusajja taayambalenga ngoye za kikazi; kubanga abakola ebyo MUKAMA Katonda wammwe abakyayira ddala.

6 Temutwalanga Nnyonyi Nzadde. Bwe munaalabanga ekisu ky'ennyonyi ku muti, oba ku mabbali g'ekkubo, nga kirimu amagi oba obwana obuto, nga ne nnyina waabwo abumaamidde, oba atudde ku magi, bwe munaatwalanga obwana obuto, nnyina waabwo temumutwalirangako.

7 Obwana obuto munaayinzanga okubutwala, kyokka nnyina waabwo mumulekanga n'agenda, mulyoke mufunenga emirembe mu mutima awamu n'obuwangaazi.

### *Akasenge ak'Okukugira Akasolya*

8 Bwe muneezimbiranga enju empya ey'akasolya akatereevu* akatali keesulifu, mukolangako akasenge waggulu okwebungulula akasolya ako, kalyoke kaziyizenga omuntu okuva eyo waggulu n'agwa wansi, n'aleeteranga ennyumba eyo omusango olw'omusaayi ogunaabanga guyiise.

### *Obutatabulatabulanga Bintu bya Njawulo*

9 Wakati w'ennyiriri z'emizabbibu temusimbangamu mmere ya ngeri ndala, bwe munaakikolanga, ebibala by'emizabbibu n'eby'emmere gye munaabanga musimbyemu, byombi munaabifiirwanga.

10 Ente n'endogoyi temuzigattanga wamu ne muzisibanga ku kikoligo kye kimu eky'ekyuma kye munaabanga mulimisa.

11 Temwambalanga ngoye ezinaabanga zirukiddwa n'ewuzi z'ebyoya by'endiga nga zigattiddwa wamu n'ewuzi eza linena.

12 Mutunganga emijunga ku buli nsonda ennya ez'eminagiro gyammwe gye munaayambalanga.

### *Amateeka ag'Enkolagana y'Abasajja n'Abakazi*

13 Omusajja bw'aneewasizanga omukazi, kyokka oluvannyuma lw'okusula naye, n'amukyawa,

14 n'amuwaayiriza ng'amukonjera ng'agamba nti, "Nawasa omukazi ono, naye bwe nasula naye saamusanga nga mbeerera,"

15 Kitaawe w'omuwala oyo ne nnyina banaaleeteranga abakulembeze abakulu ab'ekibuga ekyo, nga bali ku wankaaki waakyo, obujulizi obunaalaganga ng'omuwala waabwe yali mbeerera.

16 Kitaawe w'omuwala anaategeezanga abakulembeze abakulu nti, "Nagabira omusajja ono omwana wange omuwala amuwase, naye omusajja amukyaye.

17 Kaakano wuuno amuwaayiriza ng'amukonjera ng'amwogerako nti, Muwala wo namusanga nga si mbeerera." Naye obujulizi

---

* **22:8** akasolya akatereevu Ennyumba ez'omu bitundu ebyo zaalinanga akasolya akatereevu, omuntu kwe yayinzanga okutambulira, oba oluusi n'okwebakako ng'obudde bw'ekiro bwa bbugumu nnyo

buubuno obulaga ng'omwana wange ono omuwala yali mbeerera. Abazadde b'omuwala banaayanjululizanga essuuka y'obuliri mu maaso g'abakulembeze abakulu ab'ekibuga ekyo.

18 Abakulembeze abakulu b'ekibuga ekyo banaatwalanga bba w'omuwala, banaasookanga okumukubamu.

19 Ate ne bamusalira omutango gwa sekeri za ffeeza kikumi†; banaaziwanga kitaawe w'omuwala; kubanga omusajja oyo anaabanga aleese erinnya ebbi ku muwala wa Isirayiri embeerera. Omuwala oyo anaabeeranga mu maka g'omusajja oyo ebbanga lyonna, era omusajja takkirizibwenga kugoba mukazi we oyo ebiro byonna omusajja oyo by'alimala nga mulamu.

20 Naye singa omusajja nga by'anaabanga ayogedde bya mazima, nga n'obujulizi obukakasa ng'omuwala yali mbeerera bunaabanga bubuze,

21 kale nno omuwala oyo anaaleetebwanga ku muzigo gw'ennyumba ya kitaawe, era abasajja ab'omu kibuga ky'omuwala oyo banaamukubiranga awo amayinja n'afa. Kubanga anaabanga akoze ekikolwa kya bugwenyufu nnyo eky'okumanya abasajja ng'akyali mu luggya lwa kitaawe. Ekibi musaananga mukimalemu mu Isirayiri.

22 Omusajja bw'anaakwatibwanga nga yeebase n'omukyala w'omusajja omulala, kale, omusajja akwatiddwa n'omukyala gw'anaabanga yeebase naye, bombi baakuttibwanga. Ekibi musaana mukimalengamu mu Isirayiri.

23 Bwe wanaabangawo omuwala embeerera ayogerezebwa afumbirwe, omusajja n'amusanga mu kibuga ne yeebaka naye,

24 munaabaleetanga bombi ku wankaaki w'ekibuga ekyo ne mubakuba amayinja ne bafa; omuwala, bwe kibanga nga yali munda mu kibuga naye n'atakuba nduulu kufuna buyambi; omusajja, kubanga yayonoona omuwala ajja okufumbirwa omusajja we. Bwe mutyo bwe munaamalangamu ekibi mu mmwe.

25 Naye omusajja bw'anaasanganga omuwala ayogerezebwa ku ttale n'amukwata ne yeebaka naye olw'empaka, kale nno omusajja anaabanga yeebase n'omuwala oyo y'anattibwanga.

26 Omuwala oyo temumukolangako kintu kyonna, kubanga anaabanga talina kibi kyonna ky'akoze ekinaamusaanyizanga okufa. Ensonga ezo zifaanana ng'ez'omuntu anaabanga alumbaganye muliraanwa we n'amutemula.

27 Olwokubanga omuwala ono anaabanga ayogerezebwa okufumbirwa yasangibwa omusajja ku ttale etali bantu, anaayinzanga okuba nga yeekubira enduulu naye ne watabaawo amudduukirira okumuyamba.

28 Omusajja bw'anasisinkananga omuwala embeerera naye nga taliiko amwogereza, n'amukwata ne yeebaka naye, ne bakwatibwa nga bali mu kikolwa ekyo,

29 omusajja anaabanga yeebase n'omuwala oyo anaasasulanga kitaawe w'omuwala sekeri eza ffeeza amakumi ataano.‡ Omusajja anaawasanga omuwala oyo okuba mukazi we, kubanga anaabanga amaze okumusobyako. Era taamugobenga okumala ebbanga lyonna omusajja oyo nga mulamu.

30 Omusajja taawasenga mukyala wa kitaawe aleme kuweebuulanga kitiibwa kya buliri bwa kitaawe.

† **22:19** sekeri za ffeeza kikumi zenkanankana kilo emu ataano zenkanankana nga kitundu kya kilo

‡ **22:29** Sekeri eza ffeeza amakumi

# 23

### *Abatakkirizibwenga mu Kuŋŋaaniro lya MUKAMA*

1 “Omuntu yenna ng’ebitundu by’omubiri gwe eby’ekyama byabeten-
tebwa oba nga byasalibwako, taayingirenga mu kuŋŋaaniro lya MUKAMA
Katonda.
2 “Abantu bonna abanaazaalibwanga mu bufumbo obutaabenga bu-
tukuvu tebaayingirenga mu kuŋŋaaniro lya MUKAMA Katonda. Bazzukulu
baabwe okutuusa ku mulembe ogw’ekkumi, nabo tebayingiranga mu
kuŋŋaaniro lya MUKAMA Katonda.
3 “Abamoni n’Abamowaabu ne bazzukulu baabwe okutuusa ku
mulembe ogw’ekkumi tebayingiranga mu kuŋŋaaniro lya MUKAMA Ka-
tonda.
4 Kubanga bwe mwali muva mu nsi y’e Misiri, tebajja kubaaniriza
n’okubaleetera ku mmere ne ku mazzi; ate ne bapangisa Balamu mutabani
wa Byoli nga bamuggya e Pesoli eky’omu Mesopotamiya, okubakolimira.
5 Kyokka MUKAMA Katonda wo n’alemesa Balamu; ekikolimo
n’akikufuuliramu omukisa, kubanga MUKAMA Katonda wo akwagala
nnyo.
6 Tokolanga nabo endagaano ey’omukwano n’okubayamba mu mbeera
yaabwe ebbanga lyonna ly’olimala ng’oli mulamu.
7 “Omwedomu tomukyawanga kubanga omulinako oluganda.
Tokyawanga Mumisiri n’omu kubanga wali mugenyi mu nsi yaabwe.
8 Abaana baabwe ab’omulembe ogwokusatu banaakkirizibwanga
okuyingira mu kuŋŋaaniro lya MUKAMA Katonda.

### *Obutali Bulongoofu mu Lusiisira*

9 “Bw’onoogendanga okutabaala abalabe bo weewalenga obutali bulon-
goofu mu lusiisira lwammwe.
10 Bwe wanaabangawo omusajja mu mmwe eyeeroteredde ekiro,
bw’atyo n’aba atali mulongoofu, anaafulumanga mu lusiisira n’abeera
ebweru.
11 Naye obudde bwe bunaawungeeranga anaanaabanga n’amazzi; en-
juba bw’eneemalanga okugwa anaayinzanga okukomawo mu lusiisira.
12 “Onootegekanga ekifo ebweru w’olusiisira ky’onoolagangamu okwe-
teewuluza.
13 Onoogendangayo n’eby’okukozesa. Onootwalanga ekifumu,
bw’onoomalanga okweteewuluza onoosimanga ekinnya n’oziikamu
ebyo ebivudde mu nda yo.
14 Kubanga MUKAMA Katonda wo anaatambulanga naawe, mu lusiisira
lwo ng’akulabirira n’okukuyamba okuwangula abalabe bammwe. Nool-
wekyo olusiisira lwo kirusaanira lubeerenga lutukuvu, MUKAMA alemenga
kusangamu kintu kyonna ekitali kirongoofu mu ggwe ne kimuleeteranga
okukuvaako.

### *Amateeka Agatali Gamu*

15 “Omuddu omugule bw’anaabombanga n’ava ku mukama we mu nsi
endala, n’ajja ne yeekweka gy’oli, tomuzzangayo wa mukama we.
16 Omulekanga n’abeera naawe wakati mu mmwe, mu kimu ku bibuga
byo ky’aneerobozanga. Tomujooganga.
17 “Mu bawala ba Isirayiri temukkirizibwenga kubeerangamu ba-
malaaya ab’omu masabo, n’abasajja abalya ebisiyaga nabo tebakkirizib-
wenga mu Isirayiri.

18 Toleetanga nsimbi, bamalaaya ze banaabanga bafunye mu bwa-
malaaya, mu nnyumba ya MUKAMA Katonda wo okusasulira obweyamo,
wadde ensimbi z'abasajja abalya ebisiyaga; kubanga MUKAMA Katonda wo
akyayira ddala ebikolwa ebyo byombi.
19 "Omuyisirayiri bw'anaawolanga Muyisirayiri munne ensimbi, oba
emmere, oba ebintu ebirala byonna, bw'anaabanga asasulwa tasabiran-
gako magoba gaabyo.
20 Bw'onoowolanga bannaggwanga onoobasabirangako amagoba
gaako; MUKAMA Katonda wo alyoke akuwenga omukisa ku buli
ky'onookwatangako engalo ng'otuuse mu nsi gy'oli okumpi okuyingira
n'okugyefunira.
21 "Bw'oneeyamanga obweyamo eri MUKAMA tolwangawo kubutuuk-
iriza, kubanga ddala ddala MUKAMA Katonda wo agenda kukikulagira
olyoke weewonye omusango olw'ekibi ekyo.
22 Naye bw'oteeyamanga bweyamo toobeerengako musango.
23 Ebyo byonna akamwa ko bye kanaayogeranga kikugwanira oku-
bikolanga, mu ngeri y'emu nga bw'onoobanga weeyamye obweyamo eri
MUKAMA Katonda wo n'akamwa ko.
24 "Bw'onooyingiranga mu nnimiro ya munno ey'emizabbibu,
onooyinzanga okwenogeranga ku birimba by'emizabbibu n'olya nga
bw'oneetaaganga n'okkuta, naye tossangako mu kibbo okwetwalirako
eka.
25 Bw'onooyingiranga mu nnimiro ya munno ey'emmere ey'empeke,
onooyinzanga okwekungulirangako n'engalo zo, naye toddiranga kambe
n'osala emmere y'empeke eyo eneebanga tennaba kusalibwa."

# 24

*Amateeka g'Ebyobufumbo*

1 Omusajja bw'anaawasanga omukazi, naye oluvannyuma n'amukyawa,
kubanga amuvumbuddeko ebitamusanyusa, bw'atyo n'amuwandiikira
ebbaluwa ey'okumugoba, n'agimukwasa, n'amugoba mu nnyumba ye,
2 omukazi oyo anaayinzanga okwefunira omusajja omulala
n'amufumbirwa.
3 Omusajja ono owookubiri naye bw'anaamukyawanga
n'amuwandiikira ebbaluwa ey'okumugoba, n'agimukwasa, n'amugoba
mu nnyumba ye, oba omusajja oyo owookubiri bw'anaafanga;
4 bba eyasooka, eyali amugobye takkirizibwenga kuddamu kumuwasa
kuba mukazi we, kubanga omukazi oyo anaabanga amaze okwebaka
n'omusajja omulala. Ekyo kinaabanga kya kivve mu maaso ga MUKAMA.
Totwalanga kibi mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeera obutaka
bwo obw'enkalakkalira.

*Amateeka Agatali Gamu*

5 Omusajja bw'anaabanga yaakawasa taalondebwenga kugenda
kutabaala oba okuweebwa omulimu omulala omunene ng'ogwo.
Anaasigalanga mu maka ge okumala ebbanga lya mwaka mulamba
ng'asanyusa mukazi we gw'anaabanga awasizza.
6 Omuntu bw'awolanga munne n'amusaba omusingo, oba akakalu,
tamuggyangako lubengo oba enso ng'omusingo oba akakalu, kubanga mu
musingo ng'ogwo, aba atwaliddemu obulamu bwa munne.
7 Omuntu bw'anaakwatibwanga ng'awamba, obanga atunda Omuy-
isirayiri munne mu buddu, kale omuwambi anattibwanga. Bw'otyo
bw'onoomalangamu ekibi wakati mu mmwe.

8 Bwe wanaagwangawo obulwadde obw'olususu ng'obw'ebigenge, weegenderezanga nnyo, n'ogonderanga ebyo Abaleevi, bakabona, bye banaabalagiranga okukola, nga bwe mbalagidde.

9 Ojjukiranga MUKAMA Katonda wo kye yakola Miryamu nga muli mu lugendo lwammwe nga muva mu Misiri.

10 Bw'owolanga munno ekintu eky'engeri yonna, toyingiranga mu nnyumba ya munno oyo okunonamu omusingo.

11 Ggwe awoze onaabeeranga wabweru n'olindirira oyo gw'onoobanga owoze, okukuleetera omusingo ogwo.

12 Gw'owoze bw'anaabanga omwavu, ekyambalo ky'anaabanga akuwadde ng'omusingo, tosulanga nakyo.

13 Enjuba bw'eneebanga yaakagwa, onookiddizanga munno oyo alyoke akyebikke ekiro nga yeebase. Bw'atyo anaakwebazanga era kinaabanga kikolwa kya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA Katonda wo.

14 Toyiikirizanga mwavu n'omupakasi ali mu kwetaaga, n'olwawo okumusasula empeera ye; ne bw'anaabanga Omuyisirayiri munno oba ow'okubannamawanga abanaabeeranga mu nsi yo nga basula mu kimu ku bibuga byo.

15 Onoomusasulanga empeera ye eya buli lunaku ng'enjuba tennaba kugwa, kubanga mwavu n'omutima gwe gubeera ku mpeera eyo. Kubanga bw'onoomulagajjaliranga, anaayinzanga okukaabirira MUKAMA Katonda n'akuloopayo, bw'otyo onoogwanga mu musango ogw'ekibi.

16 Bakitaabwe b'abaana tebattibwenga nga babalanganga abaana baabwe, n'abaana tebattibwenga nga babalanganga bakitaabwe; buli omu anattibwanga ng'alangibwanga ekibi kye ye yennyini.

17 Bannamawanga b'onoobeeranga nabo, n'abaana bamulekwa, obasaliranga emisango gyabwe n'obwenkanya, era totwalanga kyambalo kya nnamwandu ng'omusingo.

18 Ojjukiranga nga bwe wali omuddu mu Misiri, naye MUKAMA Katonda wo n'akununulayo. Kyenva nkulagira okukolanga bw'otyo.

19 Bw'onookungulanga ebibala mu nnimiro yo ne weerabirayo ekinywa mu nnimiro, toddangayo kukikima. Onookirekeranga omunnaggwanga oba omwana omufuuzi oba nnamwandu; bw'atyo MUKAMA alyoke akuwenga omukisa mu byonna by'onookolanga.

20 Bw'onookubanga emizeeyituuni okuva ku miti gyo, toddangayo ku matabi mulundi gwakubiri okumalirako ddala ebibala ebinaabanga bisigaddeko. Ebyo binaabanga bya bannamawanga, n'abaana bamulekwa ne bannamwandu.

21 Bw'onookungulanga emizabbibu okuva mu nnimiro yo, toddangamu mulundi gwakubiri. Ebibala ebinaabanga bisigaddeko onoobirekeranga bannamawanga, ne bamulekwa ne bannamwandu.

22 Ojjukiranga nga bwe wali omuddu mu nsi ey'e Misiri; kyenva nkulagira okukolanga bw'otyo.

## 25

1 Abantu babiri bwe banaabanga n'enkaayana, ensonga zaabwe ne bazitwala mu mbuga z'amateeka, abalamuzi ne babasalirawo, banaalangiriranga asinze n'oyo gwe gusinze.

2 Singa oyo gwe gunaasiŋŋanga anaabanga asaanira okukubwangamu obuga, omulamuzi anaamugalamizanga wansi n'akubirwa mu maaso ge omuwendo gw'obuga obuggya mu musango gw'anaabanga azzizza,

3 naye nga tebusukka buga amakumi ana. Bwe bunaasukkanga
omuwendo ogwo munnammwe anaabanga aswazibbwa nnyo mu maaso
gammwe.

4 Ente* temugisibanga mimwa bwe munaabanga mugikozesa okuwuula
emmere ey'empeke.

*Obuvunaanyizibwa eri Owooluganda Afudde*

5 Abooluganda bwe banaabanga babeera wamu, omu n'afa nga talina
mwana wabulenzi, nnamwandu we tafumbirwanga musajja atali wa
mu luggya lwa bba. Muganda wa bba anaatwalanga nnamwandu oyo
n'amuwasa, n'atuukiriza obuvunaanyizibwa bwa muganda we omugenzi
eri nnamwandu oyo.
6 Omwana owoobulenzi gw'anaasookanga okuzaala y'anaasikiranga
erinnya lya muganda we omugenzi, bwe lityo erinnya ly'omugenzi ne
litasangulwawo mu Isirayiri.
7 Naye omusajja bw'anaabanga tayagala kuwasa nnamwandu wa
muganda we, nnamwandu oyo anaagendanga eri abakulembeze abakulu
ab'omu kibuga kye, ku wankaaki, n'abagamba nti, "Muganda wa baze
agaanye okuwangaaza erinnya lya muganda we mu Isirayiri. Kubanga
agaanye okutuukiriza gye ndi obuvunaanyizibwa bw'alina ku muganda
we."
8 Abakulembeze abakulu b'omu kibuga banaayitanga omusajja oyo ne
boogera naye. Bw'anaakakanyalanga n'agamba nti, "Saagala kumuwasa,"
9 kale, nnamwandu wa muganda we anaatambulanga n'alaga awali
omusajja oyo mu maaso g'abakulembeze abakulu b'omu kibuga,
anaamwambulangamu engatto mu kigere kye ekimu, era anaamuwandi-
ranga amalusu mu maaso n'ayogera nti, "Bwe kityo bwe kinaakolebwanga
ku musajja atazimba lunyiriri lwa luggya lwa muganda we."
10 Oluggya lw'omusajja oyo lunaamanyibwanga mu Isirayiri ng'Oluggya
lw'Omwambule Engatto.

*Ebiragiro Ebirala*

11 Bwe wanaabangawo abasajja babiri abalwana, mukazi w'omu
bw'anajjanga okutaasa bba ku mulabe we n'amukwata ebitundu bye
eby'ekyama,
12 omutemangako omukono gwe. Tomusaasiranga.
13 Tossanga mu nsawo zo mayinja gapima ga ngeri bbiri ez'enjawulo,
ng'erimu lizitowa, kyokka nga linnaalyo liwewuka.
14 Tobeeranga na bipima bya ngeri bbiri eby'enjawulo, ng'ekimu kinene,
kyokka nga kinnaakyo kitono.
15 Kikugwanira obeerenga n'amayinja agapima obuzito obutuufu, era
n'ebipima ebirala eby'amazima era ebituufu, olyoke owangaalenga ng'oli
mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa.
16 Kubanga MUKAMA Katonda wo akyayira ddala abo bonna abakola ebyo
ebitali bya bwesigwa.
17 Teweerabiranga Abamaleki bye baakukola bwe wali mu lugendo lwo
ng'ova mu Misiri.

---

* **25:4** Ente ezo zaakozesebwanga okuwuula emmere ey'empeke. Ente yasibibwanga ku lubengo olunene, ebigere byayo ne birinnyirira empeke, nga biggya ebikuta ku mpeke, ate olubengo nga bwe lussa empeke okuzifuulamu obuwunga.

18 Bwe wali okooye nnyo nga n'amaanyi gakuweddemu, baakusanga mu lugendo lwo olwo, ne balumba abo bonna abaali basembyeyo emabega wo ne babatta; Katonda nga tebamutya.
19 Bw'olimala okutuuka mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeera obusika bwo obw'enkalakkalira, ng'akumazeeko n'abalabe bo bonna ku njuyi zonna, ng'owummudde, ozikiririzanga ddala Abamaleki n'obamalirawo ddala bonna wansi w'eggulu, ne watabaawo baliddayo kubajjukira nti baali babaddewo. Ekyo tokyerabiranga.

# 26

### *Ebibala eby'Amakungula ag'Olubereberye*

1 Awo olulituuka bw'omalanga okuyingira mu nsi, MUKAMA Katonda wo gy'akuwa okubeera obusika bwo obw'enkalakkalira, ng'omaze okugyefunira era ng'otebenkedde bulungi,
2 oddiranga ebimu ku bibala ebibereberye by'oliggya mu makungula agalisooka okuva mu ttaka ery'oku nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa, n'obiteeka mu kibbo. Kale nno obireetanga mu kifo MUKAMA Katonda wo kye yeerondera okubeerangamu Erinnya lye.
3 Ogambanga kabona alibeera mu kisanja mu kiseera ekyo nti, "Njatula leero eri MUKAMA Katonda wo nti ntuuse mu nsi MUKAMA gye yalayirira bajjajjaffe okugituwa."
4 Kabona aliggya ekibbo mu mikono gyo n'akitereeza mu maaso g'ekyoto kya MUKAMA Katonda wo.
5 Kale nno oliyatula mu maaso ga MUKAMA Katonda wo nti, "Jjajjaffe*
yali mutambuze Omusuuli, n'aserengeta mu Misiri n'abantu be yali nabo abatono, ne babeera eyo, ne bafuukamu eggwanga ekkulu ery'amaanyi era nga lirimu abantu bangi nnyo.
6 Naye Abamisiri ne batuyisa bubi, ne batubonyaabonya, nga batukozesa emirimu emikakanyavu.
7 Bwe tutyo ne tukaabirira MUKAMA, Katonda wa bajjajjaffe; Katonda n'awulira eddoboozi lyaffe, n'alaba okubonaabona kwaffe, n'okutegana kwaffe, n'okunyigirizibwa kwaffe kwonna.
8 Bw'atyo MUKAMA n'atuggya mu Misiri n'omukono gwe ogw'amaanyi gwe yagolola, n'obuyinza bwe obw'entiisa, n'obubonero, n'ebyamagero eby'ekitalo.
9 Yatuleeta mu kifo kino n'atuwa ensi eno, ensi omukulukutira amata n'omubisi gw'enjuki.
10 Bwe ntyo ndeese gy'oli ebibala ebibereberye ebiva mu ttaka ery'omu nsi gy'ompadde, Ayi MUKAMA." Olibiteeka mu maaso ga MUKAMA Katonda wo n'ovuunama mu maaso ge.
11 Kale nno, ggwe awamu n'Abaleevi, ne bannamawanga abanaabeeranga mu mmwe, onoojaguzanga ng'osanyukira ebirungi byonna, MUKAMA Katonda wo by'anaabanga akuwadde ggwe n'amaka go gonna.
12 Mu mwaka ogwokusatu bw'onoomalanga okuggyako ku makungula go ekitundu eky'ekkumi n'okissa wabbali, kubanga ogwo gwe mwaka ogw'ekitundu eky'ekkumi, onoddiranga ekitundu ekyo n'okiwa Abaleevi, ne bannamawanga, ne bamulekwa, ne bannamwandu, ne baliiranga mu bibuga byo ne bakkuta.

---

* **26:5** Jjajja ayogerebwako wano ye Yakobo.

13 Awo onooyogeranga mu maaso ga MUKAMA Katonda wo nti, “Ekitundu
ekimu eky’ekkumi ekyatukuzibwa nkiggyayo mu maka gange ne nkigabira
Abaleevi, ne bannamawanga, ne bamulekwa, ne bannamwandu, nga
byonna bye wandagira bwe biri. Sikyamyeko kuva ku biragiro byo
newaakubadde okwerabira n’ekimu ku byo.
14 Ekitundu ekyo sikiriddeeko nga ndi mu biseera eby’okukungubaga,
wadde okukikwatako nga siri mulongoofu, era sikitoddeeko ne mpaayo eri
abafu. Ŋŋondedde MUKAMA Katonda wange, ne nkola nga bwe yandagira.
15 Otutunuulire ng’osinziira mu kifo kyo ekitukuvu gy’obeera mu ggulu,
otuyiweko omukisa gwo ffe abantu bo Abayisirayiri n’ensi gy’otuwadde
nga bwe walayirira bajjajjaffe, nga y’ensi omukulukuta amata n’omubisi
gw’enjuki.”

### *Mugonderenga Amateeka ga MUKAMA*

16 MUKAMA Katonda wo akulagira leero okugonderanga amateeka ago
gonna n’ebiragiro ebyo; noolwekyo obigonderanga byonna n’omutima
gwo gwonna n’emmeeme yo yonna.
17 Ku lunaku lwa leero oyatudde nga MUKAMA bw’ali Katonda wo, era
nga naawe bw’onootambuliranga mu makubo ge, era ng’onookuumanga
ebiragiro bye n’amateeka ge gonna, era ng’onoomugonderanga.
18 Ku lunaku lwa leero MUKAMA alangiridde nga bw’oli owuwe, egg-
wanga lye ku bubwe ery’omuwendo omungi nga bwe yasuubiza, era nga
ojjanga kukwatanga ebiragiro bye byonna.
19 Alangiridde nga bw’anaakujjuzanga ettendo n’okwatiikirira
n’ekitiibwa okusukkirira amawanga gonna ge yatonda, era ng’olibeera
eggwanga ettukuvu eri MUKAMA Katonda wo, nga bwe yasuubiza.

## 27

### *Ekyoto ku Lusozi Ebali*

1 Awo Musa ng’ali n’abakulu abakulembeze ba Isirayiri n’alagira abantu
nti, “Ebiragiro byonna bye mbategeeza leero mubikuumenga.
2 Bwe mumalanga okusomoka omugga Yoludaani n’oyingira mu
nsi MUKAMA Katonda wo gy’akuwa, oddiranga amayinja amanene
n’ogategeka n’ogakubako omuyiko ogw’ennoni ng’etabuddwamu
omusenyu.
3 Ogawandiikangako ebigambo bino byonna eby’amateeka, ng’omaze
okusomoka, ng’oyingidde mu nsi MUKAMA Katonda wo gy’akuwa, y’ensi
omukulukutira amata n’omubisi gw’enjuki, nga MUKAMA Katonda wa
bajjajjaabo bwe yakusuubiza.
4 Bw’otyo, bw’olimala okusomoka omugga Yoludaani, otegekanga amay-
inja ago ku Lusozi Ebali nga bwe mbalagira kaakano, era ogakubangako
omuyiko ogw’ennoni ng’etabuddwamu omusenyu.
5 Era MUKAMA Katonda wo olimuzimbira eyo ekyoto n’amayinja
amalamba agatali matemeko na kyuma.
6 Olizimbira eyo MUKAMA Katonda wo ekyoto n’amayinja amalamba
n’oweerako ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Katonda wo.
7 Oliwaayo ebiweebwayo olw’emirembe, n’obiriira eyo ng’osanyukira
mu maaso ga MUKAMA Katonda wo.
8 Era ku mayinja ago g’oliba otegese oliwandiikako n’obwegendereza
ebigambo byonna eby’amateeka gano.”

9 Awo Musa ng'ali n'Abaleevi, bakabona, n'agamba Abayisirayiri bonna
nti, "Sirika owulire ggwe Isirayiri! Ku lunaku lwa leero lwennyini ofuuse
eggwanga lya MUKAMA Katonda wo.
10 Noolwekyo ogonderanga MUKAMA Katonda wo n'okwatanga amateeka
ge n'ebiragiro bye, bye nkulagira leero."

### *Ebikolimo Ekkumi n'Ebibiri*

11 Ku lunaku lwe lumu Musa yakuutira abantu bw'ati nti,
12 Bwe mulimala okusomoka omugga Yoludaani, ab'omu bika bino
baliyimirira ku Lusozi Gerizimu ne basabira abantu omukisa: Simyoni,
ne Leevi, ne Yuda, ne Isakaali, ne Yusufu, ne Benyamini.
13 Ate ab'omu bika bino baliyimirira ku Lusozi Ebali ne balangirira
ebikolimo: Lewubeeni, ne Gaadi, ne Aseri, ne Zebbulooni, ne Ddaani, ne
Nafutaali.
14 Awo Abaleevi balirangirira n'eddoboozi ddene eri abantu bonna
Abayisirayiri nti:
15 "Akolimirwe omuntu yenna akola ekifaananyi ekitali Katonda oba
abumba ekintu ng'ekyo kyonna MUKAMA ky'akyayira ddala nga kikolebwa
omukozi nnakinku, omuntu oyo n'abaako ne wakiyimiriza mu kyama."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

16 "Akolimirwe omuntu yenna atassaamu kitiibwa kitaawe oba nnyina."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

17 "Akolimirwe omuntu yenna akyusa ekituuti ekiraga ensalo ya muli-
raanwa we."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

18 "Akolimirwe omuntu yenna aggya omuzibe w'amaaso mu kkubo
ettuufu n'amubuza."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

19 "Akolimirwe omuntu yenna atalaga bwenkanya eri bannamawanga,
oba bamulekwa oba bannamwandu."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

20 "Akolimirwe omuntu yenna eyeebaka ne muka kitaawe, kubanga
ekitanda kya kitaawe akimalamu ekitiibwa."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

21 "Akolimirwe omuntu yenna akola ebyobukaba n'ensolo."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

22 "Akolimirwe omuntu yenna eyeebaka ne mwannyina omuwala wa
kitaawe, oba muwala wa nnyina."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

23 "Akolimirwe omuntu yenna eyeebaka ne nnyina wa mukazi we."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

24 "Akolimirwe omuntu yenna atemula munne."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

25 "Akolimirwe omuntu yenna akkiriza okugulirirwa atte munne ataliiko
musango."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

26 "Akolimirwe omuntu yenna atagondera bigambo ebiri mu mateeka
gano."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina."

# 28

### *Emikisa Eri Abawulize*

1 Bw'onoogonderanga MUKAMA Katonda wo n'okwatanga amateeka ge gonna ge nkuwa leero, MUKAMA Katonda wo alikugulumiza n'akuteeka waggulu w'amawanga gonna ag'oku nsi.

2 Emikisa gino gyonna onoogifunanga n'obeeranga nagyo, bw'onoowuliranga eddoboozi lya MUKAMA Katonda wo n'omugonderanga:

3 Onooweebwanga omukisa bw'onoobeeranga mu kibuga ne bw'onoobeeranga mu kyalo.

4 Abaana ab'omu nda yo banaaweebwanga omukisa, n'ebisimbe eby'omu ttaka lyo, n'ebisibo byo ebinaazaalibwanga, Ennyana z'ente ez'amagana go, n'obwana bw'endiga ez'ebisibo byo.

5 Ekibbo kyo mw'onookuŋŋaanyizanga, n'olutiba lwo mw'onoogoyeranga nabyo binaabanga n'omukisa.

6 Onoobanga n'omukisa ng'oyingira era onoobanga n'omukisa ng'ofuluma.

7 MUKAMA anaakuwanga okuwangula abalabe bo abanaakulumbanga.
Banajjiranga mu kkubo limu okukulumba, naye ne basaasaanira mu makubo musanvu mu maaso go nga bawanguddwa.

8 MUKAMA anaawanga amawanika go omukisa, ne buli ky'onookwatangako engalo zo okukikola anaakiwanga omukisa. MUKAMA Katonda wo anaakuwanga omukisa ng'oli mu nsi gy'akuwa.

9 MUKAMA agenda kukufuula eggwanga lye ettukuvu nga bwe yakusuubiza n'ekirayiro, bw'onookwatanga amateeka ga MUKAMA Katonda wo n'otambuliranga mu makubo ge.

10 Kale nno abantu ab'omu mawanga gonna ag'ensi balitegeera nga bw'oyitibwa erinnya lya MUKAMA era banaakutyanga.

11 MUKAMA anaakugaggawazanga nnyo mu byonna: mu zadde ery'enda yo, ne mu baana ab'ebisibo byo by'onoolundanga, ne mu bibala eby'omu ttaka lyo, ng'oli mu nsi MUKAMA gye yalayirira bajjajjaabo okugikuwa.

12 MUKAMA alikuggulirawo eggwanika lye ery'obugagga bwe ery'eggulu, n'atonnyesanga enkuba mu ttaka lyo, mu biseera byayo, ne buli kintu kyonna ky'onookolanga anaakiwanga omukisa. Onoowolanga amawanga mangi, kyokka ggwe toogeewolengako n'akatono.

13 MUKAMA anaakufuulanga mutwe so si mukira. Bw'onoogonderanga ebiragiro bya MUKAMA Katonda wo bye nkutegeeza leero, n'obigobereranga n'obwegendereza, onoobanga ku ntikko waggulu, so tookooberenga.

14 Tokyamanga kulaga ku ludda olwa ddyo oba olwa kkono, ng'oleka ebiragiro bino bye nkutegeeza leero, n'ogobereranga bakatonda abalala n'obaweerezanga.

### *Ebikolimo olw'Obutawulira*

15 Awo olunaatuukanga bw'otoogonderenga ddoboozi lya MUKAMA Katonda wo, n'otokwatanga mateeka ge na biragiro bye, bye nkulagira leero, kale ebikolimo bino byonna binaakutuukangako ne bibeera naawe:

16 Onookolimirwanga mu kibuga n'okolimirwanga ne mu kyalo.

17 Ekibbo kyo mw'onookuŋŋaanyirizanga n'olutiba lwo mw'onoogoyeranga binaakolimirwanga.

18 Abaana b'enda yo banaakolimirwanga, n'ekibala ky'ettaka lyo, n'ennyana z'amagana go, n'obwana bw'ebisibo byo byonna binaakolimirwanga.

19 Onookolimirwanga ng'oyingira era onookolimirwanga ng'ofuluma.

20 MUKAMA anaakusindikiranga ebikolimo, n'okutabukatabuka,
n'okunenyezebwa mu buli kintu kyonna ky'onoogezangako okukola,
okutuusa lw'olizikirizibwa n'osaanawo mangu nnyo olw'ebikolwa byo
ebibi, olwokubanga onoobanga omusenguse.

21 MUKAMA alikulwaza olumbe olutawona olw'olukonvuba, okutuusa
lwe lulikumalawo mu nsi gy'ogenda okuyingiramu ogirye.

22 MUKAMA alikulwaza akafuba, n'omusujja n'okubugujja. Era
alikusindikira ebbugumu eryokya ennyo, n'ekyeya, n'ekitala,
n'okugengewala; era binaakugobereranga okutuusa lw'olizikirira.

23 Eggulu waggulu w'omutwe gwo liribeera ng'ekikomo, n'ettaka wansi
wo liriba ng'ekyuma.

24 MUKAMA alifuula enkuba y'omu nsi yo olufufugge, n'enfuufu yokka
y'eneekuyiikiranga okuva waggulu mu bire, okutuusa lw'olizikirizibwa.

25 MUKAMA anaakulekeranga abalabe bo ne bakuwangulanga.
Onoobalumbiranga mu kkubo limu, kyokka n'obadduka ng'obunye
emiwabo mu makubo musanvu. Olifuuka kyakikangabwa mu maaso
g'amawanga gonna ag'oku nsi.

26 Omulambo gwo gulifuuka mmere ya nnyonyi zonna ez'omu bbanga,
n'eri ensolo ez'oku nsi, era tewaabeerengawo n'omu anaazigugobangako.

27 MUKAMA anaakulwazanga amayute g'e Misiri, n'ebizimba, n'amabwa,
n'obuwere, by'otoowonyezebwenga.

28 MUKAMA anaakusuulanga eddalu, anaakuzibanga amaaso,
n'okukutabulatabulanga mu ndowooza yo.

29 Mu ttuntu onoowammantanga ng'omuzibe w'amaaso abeera mu
kizikiza obudde bwe bwonna. Buli ky'onookolanga onoolemwanga
okukituukiriza; onoovumibwanga era onoobbibwanga buli kakedde, naye
nga tewaabengawo akudduukirira.

30 Onooyogerezanga omukazi, n'osembereranga n'okumuwasa, naye
omusajja omulala anaakumutwalangako n'asulanga naye. Oneezim-
biranga ennyumba naye toogisulengamu. Oneesimbiranga ennimiro
z'emizabbibu, naye toolyenga ku bibala byamu.

31 Sseddume zo zinattirwanga mu maaso go, naye toolyenga ku nnyama
zaazo. Endogoyi zo zinabbirwanga mu maaso go, so tebaazikuddizenga.
Endiga zo zinaaweebwanga abalabe bo, ne watabaawo adduukirira
okuzikuddiza.

32 Batabani bo ne bawala bo banaagabibwanga mu baamawanga
amalala ng'olaba; onoobanoonyanga buli lunaku okutuusa n'amaaso lwe
ganaakumyukanga, naye nga tolina maanyi kubaako na kya kukola.

33 Ab'eggwanga ly'otomanyi banaalyanga ebibala by'ettaka lyo
by'onoobanga weerimidde, toobengako na kya kukola wabula
okutulugunyizibwanga buli kiseera.

34 Amaaso go bye ganaalabanga binaakusuulanga eddalu.

35 MUKAMA anaakulwazanga amayute ku maviivi ne ku magulu, agataay-
inzenga kuwonyezebwa, era ne gasaasaananga okuva mu bigere okutuuka
ku kawumpo k'omutwe.

36 MUKAMA alikuleka, ggwe ne kabaka wo gw'onoobanga weerondedde
n'otwalibwa mu ggwanga eddala ly'otowulirangako, ne bajjajjaabo
lye bataamanya, n'oweererezanga eyo bakatonda abalala ab'emiti
n'amayinja.

37 Olifuuka ekintu ekyesisiwaza, ekinaanyoomebwanga era ekinaasek-
ererwanga mu mawanga gonna MUKAMA gy'anaabanga akulazizza.

38 Onoosiganga ensigo nnyingi mu nnimiro yo, kyokka onookungu-
langamu katono, kubanga enzige zinaalyanga ebibala byo byonna.
39 Onoosimbanga essamba z’emizabbibu n’ogisaliranga bulungi, naye
toonywenga ku nvinnyo wadde okukuŋŋaanya ebibala bya zabbibu,
kubanga ensiriŋŋanyi zinaabiryanga.
40 Onoobeeranga n’emiti egy’emizeeyituuni mu nsi yo yonna, naye
togenda kukozesanga ku mafuta gaagyo, kubanga emizeeyituuni gyo
ginaakunkumukanga ne gigwa wansi.
41 Olizaala abaana aboobulenzi n’aboobuwala, naye toosigalenga nabo,
kubanga banaatwalibwanga mu busibe.
42 Enzige zineefuganga emiti gyo gyonna n’ebibala eby’omu ttaka lyo.

43 Bannamawanga b’onoobeeranga nabo bagenda kukulaakulananga
balinnye waggulu okukusinganga, nga ggwe weeyongeranga kukka bussi
wansi.
44 Banaakuwolanga, naye ggwe toobawolenga. Be banaabanga omutwe
naye ggwe onoobanga mukira.

45 Ebikolimo ebyo byonna binaakujjiranga ne bikulondoolanga ne biku-
tuukako okutuusa lwe binaakuzikirizanga olw’obutagonderanga MUKAMA
Katonda wo, n’otokwatanga mateeka ge na biragiro bye, bye yakulagi-
ranga.
46 Binaabeeranga mu ggwe ng’akabonero era ekyewuunyisa gy’oli n’eri
bazzukulu bo emirembe gyonna.
47 Kubanga bwe wabeeranga obulungi n’ebintu ebingi, tewaweerezanga
MUKAMA Katonda wo n’omutima ogujjudde essanyu.
48 Noolwekyo ng’oli mu njala ne mu nnyonta, ng’oli bwereere,
ng’oli mwavu lunkupe, ojjanga kuweerezanga balabe bo, MUKAMA
b’anaakusindikiranga okulwana naawe! Anaakwambazanga mu bulago
bwo ekikoligo eky’ekyuma okutuusa lw’alikuzikiririza ddala.

49 MUKAMA alikuleetera eggwanga eririva ewala ennyo, ku nkomerero
y’ensi, ne likulumba, nga likukkako ng’empungu bw’eva waggulu n’ekka
n’amaanyi ku nsi; liriba eggwanga ng’olulimi lwalyo tolutegeera.
50 Liribeera eggwanga erijjudde obukambwe mu maaso, eritassaamu
kitiibwa bantu bakulu wadde okusaasira abato.
51 Balirya abaana b’ebisolo by’omu malundiro go, n’ebibala eby’omu
ttaka lyo okutuusa lw’olizikirizibwa. Tebalikulekerawo ku mmere ya
mpeke, wadde ku nvinnyo oba ku mafuta, wadde ku nnyana ez’ebiraalo
byo, oba ku baana b’endiga ab’ebisibo byo, okutuusa lw’olizikirira.
52 Banaazingizanga ebibuga byo byonna mu nsi yo yonna okutuusa
ebisenge ebiwanvu eby’ebigo bye weesiga lwe birigwa wansi. Banaazin-
gizanga ebibuga byonna mu nsi yonna MUKAMA Katonda wo gy’akuwa.

53 Olw’okubonaabona abalabe bo kwe banaakutuusangako nga bakuzin-
gizza, onoolyanga ebibala by’olubuto lwo, ennyama ya batabani bo ne
bawala bo MUKAMA Katonda wo b’anaabanga akuwadde.
54 Omusajja asingira ddala obuntubulamu era omuwombeefu mu
mmwe, taasaasirenga na muganda we yennyini, oba mukyala we omwa-
galwa, oba abaana be abanaabanga bakyasigaddewo;
55 taawengako n’omu ku nnyama y’abaana be b’anaabanga alya.
Kubanga nga takyalina ky’asigazza kyonna mu kubonaabona okungi
omulabe wo kw’anaabanga akutuusizzaako ng’akuzingirizza mu bibuga
byo byonna.

56 Omukazi asinga obuntubulamu n'eggonjebwa mu mmwe, nga mwe-
naanyi nnyo, ataŋŋanga na kulinnyisa kigere kye ku ttaka nga kyereere,
taamanyisenga bba omwagalwa, wadde mutabani we, oba muwala we,
57 ku mwana gw'anaabanga y'akazaala ow'omu lubuto lwe, n'abaana
b'anaazaalanga. Kubanga anaabanga ategese okubalyanga mu nkukutu
olw'okubulwako ekyokulya ekirala mu biseera eby'okuzingizibwa era
eby'ennaku enzibu ennyo, omulabe wo by'anaabanga akutuusizzaako mu
bibuga byo.

58 Bw'otoogonderenga na bwegendereza ebigambo byonna ebiri mu
mateeka gano, ebiwandiikiddwa mu kitabo kino, n'ototya era n'otossaamu
kitiibwa erinnya lino ery'ettendo era ery'entiisa, eriyitibwa: MUKAMA
Katonda wo,
59 kale nno, MUKAMA anaakuweerezanga endwadde enkambwe ennyo,
eri ggwe n'eri ezzadde lyo; endwadde ez'olutentezi era enkambwe ennyo
ez'olukonvuba.
60 Anaakuleeteranga endwadde zonna ez'e Misiri, ezaakutiisa ennyo, ne
zikwezingangako.
61 Era MUKAMA anaakuleeteranga endwadde eza buli ngeri,
n'ebibonoobono ebitawandiikiddwa mu Kitabo eky'Amateeka gano,
okutuusa lw'olizikirizibwa.
62 Era mulisigala ng'omuwendo gwammwe gusse nnyo wansi, songa
mwali ng'emmunyeenye ez'oku ggulu olw'obungi bwammwe; lwa
kubanga tewagonderanga ddoboozi lya MUKAMA Katonda wo.
63 Nga bwe kyasanyusanga ennyo MUKAMA okubagaggawazanga
n'okubaazanga mweyongerenga obungi, bwe kityo kinaamusanyusanga
okubaavuwazanga n'okubazikirizanga. Olisimbulwa n'oggibwa mu nsi
gy'ogenda okuyingira okugirya.

64 MUKAMA anaakusaasaanyanga mu mawanga gonna, okutandikira ku
ludda olumu olw'ensi gy'etandikira, okutuuka ku ludda olulala gy'ekoma.
Eyo gy'onoosinzizanga bakatonda abalala abakolebwa mu miti ne mu
mayinja, ggwe ne bajjajjaabo be mutamanyangako.
65 Mu mawanga ago togenda kuweereraweererangayo wadde ebigere
byo okufunirangayo ekiwummulo. Eyo, MUKAMA anaakuweerangayo
omutima ogujugumira, n'amaaso agaagala okuziba olw'okujulirira,
n'emmeeme eweddemu essuubi.
66 Onoobanga mu kubuusabuusa buli kaseera, ng'ojjudde okutya
emisana n'ekiro, ng'obulamu bwo tobwekakasa.
67 Mu makya onoogambanga nti, "Singa nno bubadde kiro!" Ate ekiro
ng'ogamba nti, "Singa nno bubadde makya!" olw'okutya okunajjulanga
mu mutima gwo, n'ebyo amaaso go bye ganaalabanga.
68 MUKAMA anaakuzzangayo mu Misiri mu kyombo, ku lugendo lwe
nakugaana okuddayo okutambula. Ng'oli eyo oneewangayo weetunde
ng'omuddu omusajja oba ng'omuddu omukazi, naye toofunengayo muntu
n'omu akugula.

## 29

### *Okuzza Obuggya Endagaano*

1 Bino bye bigambo by'endagaano MUKAMA Katonda gye yalagira Musa
okukola n'abaana ba Isirayiri nga bali mu nsi ya Mowaabu, ng'egattibwa
ku ndagaano gye yali akoze nabo ku Kolebu.

2 Awo Musa n'ayita Abayisirayiri bonna n'abagamba nti, Mwalaba n'amaaso gammwe ebyo byonna MUKAMA Katonda bye yakolera mu nsi y'e Misiri ku Falaawo ne ku bakungu be, ne ku nsi ye yonna.

3 Walaba n'amaaso go ebigezo ebinene, n'obubonero obw'ebyamagero, n'ebyewuunyisa ebikulu.

4 Naye n'okutuusa ku lunaku lwa leero MUKAMA tabawanga mutima ogutegeera, oba amaaso agalaba, oba amatu agawulira.

5 Bwe nabakulembera okumala emyaka amakumi ana mu ddungu engoye zammwe tezaakaddiwako, n'engatto y'omu kigere kyo teyakaddiwa.

6 Temwalya ku mugaati wadde okunywa ku nvinnyo, oba ku kyokunywa ekirala kyonna ekitamiiza. Ekyo nakikola mulyoke mumanye nga nze MUKAMA Katonda wammwe.

7 Bwe mwatuuka mu kifo kino, Sikoni kabaka w'e Kesuboni, ne Ogi kabaka w'e Basani, ne basituka okutulwanyisa, naye ne tubawangula.

8 Twatwala ensi yaabwe, ne tugigabira Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu ky'ekika eky'Abamanase, okuba obutaka bwabwe obw'ensikirano.

9 Noolwekyo mukwatenga ebigambo by'endagaano eno n'obwegendereza, mulyoke muwangulenga mu buli kimu kye munaakolanga.

10 Mukuŋŋaanye wano leero mwenna mu maaso ga MUKAMA Katonda wammwe, nga muli n'abakulembeze b'ebika byammwe, n'abakulu bammwe abakulembeze, n'abafuzi bammwe, n'abasajja bonna aba Isirayiri,

11 n'abaana bammwe abato, ne bakazi bammwe, ne munnaggwanga asula awamu naawe mu lusiisira lwo, okukutyabira enku, n'okukukimira amazzi.

12 Oli wano okukola endagaano ne MUKAMA Katonda wo, ng'ekirayiro gy'ali, MUKAMA Katonda wo gy'akola naawe leero;

13 alyoke akukakase ng'akunyweza leero okubeeranga eggwanga lye, naye nga ye Katonda wo, nga bwe yakusuubiza, era nga bwe yalayirira bakadde bo: Ibulayimu ne Isaaka.

14 Endagaano eno gye nkola, ng'eriko n'ekirayiro kyayo,

15 sigikola nammwe abayimiridde wano naffe leero mwekka, wabula ngikola wamu n'oyo atali wano naffe leero.

16 Mujjukira bulungi nga bwe twali mu nsi y'e Misiri, ne bwe twajjanga tuyita wakati mu mawanga okutuukira ddala wano.

17 Mwalabanga ebintu eby'ekikaafiiri, nga mwe mwalinga ebifaananyi ebibajje mu miti n'ebiwoole mu mayinja ne mu ffeeza ne mu zaabu.

18 Mukakasize ddala leero nga mu maka gammwe oba mu bika byammwe temulinaamu musajja oba mukazi n'omu akyamizza omutima gwe okuva ku MUKAMA Katonda waffe agende asinze bakatonda bali abalala abamawanga ago. Mukakasize ddala nga mu mmwe temuliimu kikolo okuyinza okukula obutwa obw'engeri eyo obukaawa ng'omususa.

19 Omuntu ow'engeri ng'eyo ng'awulidde ebigambo eby'ekikolimo kino n'amala yeeyibaala, ne yeetukuza ku bubwe yekka, n'alowooza munda ye nti, "Nzija kubeera bulungi newaakubadde nga mmaliridde okukwata ekkubo eryange ery'obujeemu," ekyo kinaaletanga akacwano ku ttaka erinnyogovu obulungi ne ku kkalu.

20 MUKAMA taamusonyiwenga, kubanga obusungu bwa MUKAMA
n’ekiruyi kye binaabuubuukiranga ku muntu oyo. Ebikolimo byonna ebi-
wandiikiddwa mu Kitabo kino binaamukkangako, era MUKAMA alisangula
erinnya lye n’aliggya wansi w’eggulu.
21 MUKAMA anaamwawulanga n’amuggya mu bika byonna ebya Isirayiri
n’amubonereza nnyo, nga bwe kiri mu bikolimo byonna eby’endagaano
ebiwandiikiddwa mu Kitabo ky’Amateeka kino.
22 Abaana bammwe abaliddawo ne bannamawanga abaliva mu nsi
ezeewala baliraba ekibonerezo ekiriba kigudde ku nsi n’obulwadde
MUKAMA bw’aliba aleese ku ttaka ly’ensi.
23 Ettaka liriba lyonoonese nga lya munnyo n’amayinja agookya,
nga tekuyinza kusimbibwako kintu wadde okubaako n’ekimerako, nga
n’omuddo tegusobola kumerako. Ensi erifaanana ng’okuzikirizibwa kwa
Sodomu, ne Ggomola, ne Aduma, ne Zeboyimu, MUKAMA bye yazikiriza
mu busungu bwe obungi.
24 Amawanga galyebuuza nga geewunya nti, “Lwaki MUKAMA akoze
ekintu kino, n’akikola n’obusungu obungi butyo?”
25 Na kino kye kiriba eky’okuddamu nti, “Kubanga abantu bano basudde
eri endagaano ya MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe, endagaano gye
yakola nabo bwe yabaggya mu nsi y’e Misiri.
26 Baagenda ne basinza bakatonda abalala, ne babaweereza, bakatonda
be baali batamanyi, era Katonda waabwe be yali tabawadde.
27 Bwe butyo obusungu bwa MUKAMA ne bubuubuukira ku nsi eyo,
n’agireetako ebikolimo byonna ebiwandiikiddwa mu Kitabo kino.
28 MUKAMA n’abasiguukulula mu nsi yaabwe ng’aliko ekiruyi, era
ng’ajjudde obusungu bungi, n’abakasuka mu nsi endala, nga bwe kiri
leero.”
29 Ebintu eby’ekyama bya MUKAMA Katonda waffe, naye ebyo
ebyabikkulibwa bye byaffe n’abaana baffe emirembe gyonna, tulyoke
tugonderenga ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano.

# 30

### *Obwesigwa bwa MUKAMA Katonda Obutajjulukuka*

1 Emikisa n’ebikolimo ebyo byonna bye nkutegeezezza, bwe binaaku-
tuukangako n’ojjukiranga ng’oli eyo mu nsi ezo zonna MUKAMA Katonda
wo gy’anaabanga akusaasaanyizza,
2 n’okyuka n’odda eri MUKAMA Katonda wo, n’omugonderanga,
n’abaana bo bonna, n’omutima gwo gwonna, n’emmeeme yo yonna, nga
bwe nkulagira leero,
3 kale MUKAMA Katonda wo anaakusaasiranga n’akuzza mu mbeera
yo ennungi eneekweyagazanga, ng’akuwumbyewumbye okukuggya eyo
gy’anaabanga akusaasaanyirizza.
4 Newaakubadde onoobanga owaŋŋangusiriddwa mu nsi esinga
okubeera ey’ewala ennyo wansi w’eggulu, MUKAMA Katonda wo
anaakukuŋŋaanyangayo, n’akuggyayo n’akukomyawo.
5 MUKAMA Katonda wo anaakukomyangawo mu nsi bajjajjaabo gye
baafuna, naawe onoogifunanga. Alikugaggawaza era n’akwaza nnyo
okukira bajjajjaabo.
6 MUKAMA Katonda wo alikomola omutima gwo, n’omutima gwa
bazzukulu bo, bw’otyo oyagalanga MUKAMA Katonda wo n’omutima gwo
gwonna, n’emmeeme yo yonna, olyoke obeerenga omulamu.

7 MUKAMA Katonda wo aliteeka ebikolimo ebyo byonna ku balabe bo ne
ku abo abanaakuyigganyanga.
8 Bw'otyo n'oddamu okugonderanga MUKAMA Katonda ng'okwata ama-
teeka ge, ge nkulagira leero.
9 Bw'atyo MUKAMA Katonda wo alikugaggawaza mu buli kintu kyonna
ky'onookolanga, mu bibala eby'omubiri gwo, ne mu bibala eby'ebisolo
byo, ne mu bibala eby'ettaka lyo. MUKAMA alisanyuka nnyo okuku-
gaggawazanga n'obeeranga bulungi, nga bwe kyamusanyusanga okugag-
gawazanga bajjajjaabo,
10 ng'ogondeddenga MUKAMA Katonda wo, n'okwatanga amateeka ge
n'ebiragiro bye ebiwandiikiddwa mu Kitabo eky'Amateeka kino, n'odda
eri MUKAMA Katonda wo n'omukyukiranga n'omutima gwo gwonna,
n'emmeeme yo yonna.

### *Okweronderawo ku Bulamu n'Okufa*

11 Etteeka lye nkulagira leero terisaana kukukaluubirira, kubanga
terikuli wala nnyo.
12 Teriri mu ggulu, n'okugamba ne kikugambisa nti, "Ani anaatulinnyi-
rayo mu ggulu n'atulireeterayo tulyoke tuliwulire tuligonderenga?"
13 So teriri mitala wa nnyanja, olyoke ogambe nti, "Ani anaatusomokera
ennyanja, alituleetere tuwulire bye ligamba, tuligondere?"
14 Nedda, ekigambo kiri kumpi ddala ne w'oli, kiri mu kamwa ko ne mu
mutima gwo, olyoke okigondere.
15 Kale laba, olwa leero ntadde mu maaso go obulamu n'okufa.
16 Kubanga nkulagira leero okwagalanga MUKAMA Katonda wo, oku-
tambuliranga mu makubo ge, awamu n'okukwatanga amateeka ge
n'okugobereranga ebiragiro bye byonna. Bw'onookolanga bw'otyo oj-
janga kuba mulamu era oyale, ne MUKAMA Katonda wo anaakuwanga
omukisa ng'oli mu nsi gy'oyingira okugifuna.
17 Naye omutima gwo bwe gunaakyamanga n'otowulira, era
bw'onoosendebwasendebwanga okusinzanga bakatonda abalala
n'okubaweerezanga,
18 mbalangirira leero nti, Mugenda kuzikirizibwa; era temuliwangaala
mu nsi gy'ogenda okusomokera omugga Yoludaani okugiyingira okugi-
funa.
19 Ku lunaku lwa leero nkoowoola eggulu n'ensi nga be bajulirwa bange,
ku mmwe, abategedde nga ntadde mu maaso gammwe, obulamu n'okufa;
n'emikisa n'ebikolimo. Kale nno londawo obulamu, olyoke obeerenga
mulamu, ggwe n'ezzadde lyo:
20 ng'oyagalanga MUKAMA Katonda wo, ng'owuliranga eddoboozi lye,
era nga weekwatira ddala ku ye. Kubanga MUKAMA bwe bulamu bwo
n'okuwangaala; alyoke akuwenga emyaka mingi mu nsi MUKAMA gye
yalayirira okugiwa bajjajjaabo: Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo.

## 31

### *Musa Alaamiriza Yoswa*

1 Awo Musa n'agenda n'abuulira Isirayiri yonna ebigambo bino,
n'agamba nti,
2 "Olwa leero mpezezza emyaka kikumi mu abiri egy'obukulu; sikyalina
maanyi kusobola kufuluma na kuyingira nga bwe njagala. Sikyasobola
kubakulembera. MUKAMA Katonda antegeezezza nti, 'Togenda kusomoka
mugga guno Yoludaani.'

3 MUKAMA Katonda wo yennyini y'ajja okukukulembera mu kusomoka. Ajja kuzikiriza amawanga ago agali emitala, nga naawe olaba, olyoke obatwaleko ensi yaabwe. Yoswa yennyini naye yajja okukukulembera mu kusomoka, nga MUKAMA bwe yagambye.

4 Era nga MUKAMA Katonda bwe yakola Sikoni ne Ogi, bakabaka b'Abamoli n'ensi yaabwe, n'abazikiriza, ne bano bw'alibakola.

5 MUKAMA Katonda agenda kubagabula gye muli, era kiribagwanira okubakolako nga mugobererera ddala ebiragiro byange bye mbawadde nga bwe biri.

6 Beera n'amaanyi era ogume omwoyo. Tobatya wadde okubatekemukira, kubanga MUKAMA Katonda wo anaagendanga naawe buli w'onoddanga, taakulekenga so taakwabulirenga."

7 Awo Musa n'atumya Yoswa n'amugambira mu maaso ga Isirayiri yenna nti, "Beera wa maanyi era ogume omwoyo; kubanga gw'ojja okugenda n'abantu bano mu nsi MUKAMA Katonda gye yalayirira bajjajjaabwe okugibawa; era gw'ogenda okugibasalirasaliramu ogibakwase okuba obusika bwabwe obw'enkalakkalira.

8 MUKAMA Katonda yennyini y'ajjanga okukukulemberanga. Anaabanga naawe bulijjo, taakulekenga so taakwabulirenga. Totya so totekemuka."

### *Amateeka Ganaasomwanga Buli Mwaka ogw'Omusanvu*

9 Awo Musa n'awandiika amateeka ago, n'agakwasa batabani ba Leevi, bakabona, abaasitulanga Essanduuko ey'Endagaano eya MUKAMA Katonda, era n'awaako n'abakadde bonna abakulembeze b'abaana ba Isirayiri.

10 Musa n'abalagira bw'ati nti, "Ku buli nkomerero ya myaka musanvu, mu mwaka omutegeke ogusonyiyirwamu amabanja, era nga y'Embaga ey'Ensiisira,

11 Isirayiri yenna nga bazze okulabika mu maaso ga MUKAMA Katonda wo mu kifo ky'aneeronderanga, onoosomeranga Isirayiri yenna amateeka gano gonna nga bawulira.

12 Okuŋŋaanyanga* abantu: abasajja, n'abakazi, n'abaana, ne bannamawanga abanaaberanga mu bibuga byo, balyoke bawulirizenga era bayigenga okutya MUKAMA Katonda wammwe, era bagobererenga n'obwegendereza ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano.

13 Bwe batyo abaana baabwe abataamanyanga mateeka gano, balyoke bagawulire bayigenga okutyanga MUKAMA Katonda wammwe, obulamu bwammwe bwonna bwe mulimala nga muli mu nsi gye mugenda okusomokera omugga Yoludaani okugirya."

### *Ebiragiro bya MUKAMA Ebyasembayo eri Musa*

14 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Obudde bwo obw'okufa busembedde. Yita Yoswa, mujje mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu."

15 Awo MUKAMA Katonda n'alabikira mu Weema ng'ali mu mpagi ey'ekire; empagi ey'ekire n'eyimirira waggulu w'omulyango gw'Eweema.

16 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Mu bbanga ttono ojja kugalamira ne bajjajjaabo. Olwo abantu bano nga batandika okusinzanga bakatonda abalala abalibeera mu bo, nga be bakatonda ab'omu nsi eyo mwe bajja okuyingira. Bagenda kunvaako bamenye endagaano gye nakola nabo.

* **31:12** Ye mbaga yokka eyabeerangako abakyala n'abaana, nga bazze okuwuliriza ebyasomebwanga mu Mateeka.

17 Ku lunaku olwo obusungu bwange bulibabuubuukirako, nange ndibakisa amaaso gange, ne babeera bangu okuzikirizibwa, era ebizibu bingi n'emitawaana biribajjira. Ku lunaku olwo balyebuuza nti, 'Emitawaana gino tegitutuseeko lwa kubanga Katonda waffe tali wakati mu ffe?'

18 Ku lunaku olwo ndikwekera ddala amaaso gange olw'ebibi byonna bye banaabanga bakoze nga bakyukidde bakatonda abalala.

19 "Kale nno kaakano wandiika oluyimba luno oluyigirize abaana ba Isirayiri, olubayimbisenga, lulyoke lubeerenga omujulizi wange ku baana ba Isirayiri.

20 Kubanga bwe ndimala okubaleeta mu nsi omukulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, gye nasuubiza bajjajjaabwe nga ngibalayirira, ne balya ne bakkuta ne bagejja, balikyukira bakatonda abalala ne babasinza nga babaweereza, ne bannyooma ne bamenya endagaano yange.

21 Obubenje obw'akabi bwe bunaabajjiranga, oluyimba luno lunaabasoomozanga ng'omujulizi nga lubalumiriza, kubanga bazzukulu baabwe banaabanga bakyalulina mu kamwa kaabwe nga tebannalwerabira. Kubanga mmanyi bye balowooza okukola nga n'okubatuusa sinnaba kubatuusa mu nsi gye nabasuubiza nga ngibalayirira."

22 Bw'atyo, ku lunaku olwo, Musa n'awandiika oluyimba luno n'aluyigiriza abaana ba Isirayiri.

23 Awo MUKAMA n'awa Yoswa mutabani wa Nuuni ekiragiro kino ng'agamba nti, "Beera wa maanyi era guma omwoyo, kubanga ggw'oliyingiza abaana ba Isirayiri mu nsi gye nabasuubiza nga ngibalayirira; era nange nnaabeeranga naawe."

24 Musa bwe yamala okuwandiika mu Kitabo ebigambo eby'amateeka gano, okubiggya ku ntandikwa okubituusa ku nkomerero,

25 Musa n'alagira Abaleevi abaasitulanga Essanduuko ey'Endagaano eya MUKAMA, ng'agamba nti,

26 "Mutwale Ekitabo ky'Amateeka kino mukiteeke awali Essanduuko ey'Endagaano eya MUKAMA Katonda wammwe, kibeerenga awo ng'omujulirwa gy'oli.

27 Kubanga nkumanyi nga bw'oli omujeemu era alina ensingo enkakanyavu. Obanga mubadde mujeemera MUKAMA Katonda nga nkyaliwo nammwe, kale nga mmaze okufa okujeema kwammwe tekuusingewo nnyo!

28 Munkuŋŋaanyize wano abakadde b'ebika byammwe abakulembeze bammwe bonna, njogere ebigambo bino mu matu gaabwe nga bawulira; era mpita eggulu n'ensi bibeere abajulirwa okubalumiriza.

29 Kubanga mmanyi nga bwe nnaamala okufa mujja kwefaafaaganyiza ddala nga mukyama okuleka ekkubo lye mbalagidde okukwatanga. Mu biseera ebijja emitawaana gijjanga kubajjira, nga mukoze ebibi mu maaso ga MUKAMA Katonda mulyoke mumusunguwaze olw'ebyo emikono gyammwe bye ginaabanga gikoze."

### *Oluyimba MUKAMA lwe yalagira Musa*

30 Awo Musa n'ayogera, ebigambo by'oluyimba luno okuluggya ku ntandikwa yaalwo n'okulutuusa ku nkomerero ng'ekibiina kya Isirayiri yenna kiwulira.

## 32

1 Tega okutu ggwe eggulu, nange nnaayogera,
wulira ebigambo by'omu kamwa kange.

2 Okuyigiriza kwange ka kutonnye ng'enkuba,
n'ebigambo byange bigwe ng'omusulo,
bigwe ng'obufuuyirize ku muddo,
ng'oluwandagirize ku bisimbe ebito.
3 Kubanga ndirangirira erinnya lya MUKAMA;
mutendereze ekitiibwa kya Katonda waffe!
4 Lwe lwazi, emirimu gye mituukirivu,
n'ebikolwa bye byonna bya bwenkanya.
Ye Katonda omwesigwa, ataliiko bukuusa,
omwenkanya era omutereevu mu byonna.
5 Beeyisizza ng'abagwenyufu gy'ali,
baswavu era tebakyali baana be,
wabula omulembe omukyamu era ogw'amawaggali.
6 Bwe mutyo bwe musasula MUKAMA Katonda,
mmwe abantu abasirusiru era abatalina magezi?
Si ye kitaawo eyakutonda,
n'akussaawo n'akunyweza?
7 Jjukira ebiseera eby'edda,
fumiitiriza ku myaka egyayita edda.
Buuza kitaawo ajja kukubuulira
ne bakadde bo abakulembeze bajja kukutegeeza.
8 Ali Waggulu Ennyo bwe yagabanyiza amawanga ensi zaago
abantu bonna bwe yabayawulayawulamu,
yategeka ensalo z'amawanga
ng'omuwendo gw'abaana ba Isirayiri bwe gwali.
9 Omugabo gwa MUKAMA Katonda be bantu be,
Yakobo bwe busika bwe bwe yagabana.
10 Yamuyisanga mu ddungu,
mu nsi enkalu eya kikuŋŋunta.
Yamuzibiranga, n'amulabiriranga,
n'amukuumanga ng'emmunye ey'eriiso lye.
11 Ng'empungu bw'enyegenya ku kisu kyayo,
n'epaapaalira waggulu w'obwana bwayo,
era nga bw'eyanjuluza ebiwaawaatiro byayo, n'ebusitula,
n'ebutumbiiza ku biwaawaatiro byayo,
12 MUKAMA Katonda yekka ye yamukulemberanga;
so tewabangawo katonda mulala.
13 Yamuteeka ku ntikko z'ensozi ez'ensi eyo,
n'amuliisanga ku bibala by'omu nnimiro.
Yamukulizanga ku mubisi gw'enjuki ogw'omu njatika z'enjazi
n'amafuta agaavanga mu mayinja amagumu
14 ne bbongo eyavanga mu biraalo, n'amata okuva mu bisibo,
n'amasavu ag'endiga ento n'ennume,
n'embuzi ennume n'enduusi ez'e Basani,
awamu n'eŋŋaano esinga obulungi,
wanywanga wayini ow'ejjovu eyavanga mu mizabbibu.

15 Yesuluuni yakkuta n'agejja n'asambagala;
ng'ojjudde emmere nga weezitoowerera n'oggwaamu amaanyi.
Yava ku Katonda eyamukola,
n'alekulira Olwazi olw'Obulokozi bwe.
16 Baamukwasa obuggya olwa bakatonda abalala

ne bamusunguwaza ne bakatonda abalala.
17 Baawaayo ssaddaaka eri baddayimooni, so si eri Katonda,
eri bakatonda be batamanyangako,
bakatonda abaggya abaali baakatuuka
bakatonda abo bajjajjammwe be bataatyanga.
18 Weerabira Olwazi eyakuzaala,
weerabira Katonda eyakuzaala.

19 MUKAMA Katonda bwe yakiraba n'abeegobako
kubanga yasunguwazibwa batabani be ne bawala be.
20 N'agamba nti, Nzija kubakweka amaaso gange
ndabe ebinaabatuukako;
kubanga omulembe gwabwe mwonoonefu,
abaana abatalinaamu bwesigwa.
21 Bankwasa obuggya ne bakatonda abalala,
ne banyiiza n'ebifaananyi byabwe omutali nsa.
Ndibakwasa obuggya olw'abo abatali ggwanga,
ndibakwasa obusungu olw'eggwanga eritategeera.
22 Kubanga obusungu bwange bukumye omuliro,
ne gwaka okutuukira ddala wansi mu magombe,
gusenkenya ensi n'ebibala byayo,
ne gwokya amasozi okutandikira ku bikolo byago.

23 Nzija kubatuumangako emitawaana
ne mbayiwangako obusaale bwange.
24 Nnaabasindikiranga enjala namuzisa,
n'obulwadde obwokya, ne kawumpuli omuzikiriza;
ndibaweereza ebisolo eby'amannyo amasongovu
n'ebyewalula mu nfuufu eby'obusagwa.
25 Ekitala kinaabamalangako abaana baabwe
ne mu maka gaabwe eneebanga ntiisa njereere.
Abavubuka abalenzi n'abawala balizikirira
abaana abawere n'abasajja ab'envi bonna batyo.
26 Nalowoozaako ku ky'okubasaasaanya
wabulewo akyabajjukiranga ku nsi.
27 Naye ne saagala abalabe baabwe kubasosonkereza,
kubanga abaabalumbagana bandiremeddwa okukitegeera,
ne beewaana nti, "Ffe tuwangudde,
MUKAMA ebyo byonna si ye yabikoze."

28 Lye ggwanga omutali magezi,
mu bo temuliimu kutegeera.
29 Singa baali bagezi ekyo bandikitegedde,
ne balowooza ku biribatuukako ku nkomerero.
30 Omusajja omu yandisobodde atya okugoba abantu olukumi,
oba ababiri okudumya omutwalo ne badduka,
wabula nga Lwazi waabwe y'abatunzeeyo,
MUKAMA Katonda ng'abawaddeyo?
31 Kya mazima lwazi waabwe tali nga Lwazi waffe,
abalabe baffe bakiriziganya naffe.
32 Wayini waabwe ava mu terekero lya wayini wa Sodomu,
n'ennimiro z'emizabbibu za Ggomola;

ezzabbibu zaabwe zabbibu za butwa,
ebirimba byazo bikaawa;
33 wayini waazo bwe butwa bw’emisota
obusagwa obukambwe obw’amasalambwa.

34 Ekyo saakyeterekera,
nga kuliko n’envumbo mu mawanika gange?
35 Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula.
Luliba lumu ebigere byabwe ne biseerera,
obudde bwabwe obw’okuzikirira busembedde,
n’okubonerezebwa kwabwe kubafubutukirako.
36 MUKAMA Katonda alisalira abantu omusango mu bwenkanya,
alisaasira abaweereza be,
bw’aliraba ng’amaanyi gonna gabaweddemu,
omuddu n’ow’eddembe nga tewasigadde n’omu.
37 N’alyoka abuuza nti, Kale nno bakatonda baabwe bali ludda wa,
olwazi mwe beekweka.
38 Baani abaalyanga amasavu ku ssaddaaka zaabwe,
ne banywa envinnyo ey’ekiweebwayo ekyokunywa?
Basituke bajje babayambe,
kale babawe obubudamo babakuume!

39 Mulabe kaakano, nga nze kennyini, nze Ye!
Tewali katonda mulala wabula Nze;
nzita era ne nzuukiza,
nfumita era ne mponya;
era tewali atangira mukono gwange nga gukola.
40 Ngolola omukono gwange eri eggulu ne nangirira nti,
ddala ddala nga bwe ndi omulamu emirembe gyonna
41 bwe mpagala ekitala kyange ekimasamasa,
n’omukono gwange ne gukikwata nga nsala emisango,
nnaawalananga abalabe bange,
ne neesasuzanga eri abanaankyawanga.
42 Obusaale bwange ndibutamiiza omusaayi,
n’ekitala kyange kiririya ennyama,
n’omusaayi gw’abattiddwa n’abawambiddwa,
n’ogw’emitwe egy’abakulembeze b’abalabe.
43 Mujaguze mmwe amawanga awamu n’abantu be,
kubanga aliwalanira omusaayi gw’abaweereza be,
aliwalana abalabe be,
era alitangirira olw’ensi ye n’abantu be.

44 Awo Musa n’ajja awamu ne Yoswa mutabani wa Nuuni, n’addamu
ebigambo byonna eby’oluyimba olwo ng’abantu bonna bawulira.
45 Musa bwe yamala okuddamu ebigambo ebyo byonna eri abaana ba
Isirayiri,
46 n’abagamba nti, “Mukwate ku mutima gwammwe ebigambo byonna
bye mbategeezezza leero n’obuwombeefu obungi, mulyoke mulagire
abaana bammwe bagonderenga n’obwegendereza ebigambo byonna
eby’amateeka gano.
47 Ebigambo ebyo si bya kusaagasaaga, wabula bye bigambo ebikwatira
ddala ku bulamu bwammwe bwennyini. Okusinziira ku bigambo bino,
mugenda kuwangaala nga muli mu nsi gye mugenda okusomokera
omugga Yoludaani okugifuna.”

### *Okufa kwa Musa Kulangibwa*

48 Ku lunaku olwo lwennyini MUKAMA Katonda n'agamba Musa bw'ati
nti,
49 "Yambuka olinnyerinnye ku Lusozi Nebo oluli mu nsozi za Abalimu
mu nsi ya Mowaabu, osusse amaaso Yeriko olengere ensi ya Kanani
gy'empa abaana ba Isirayiri okuba obutaka bwabwe obw'enkalakkalira.
50 Ku lusozi olwo lw'ojja okulinnya kw'olifiira okuŋŋaanyizibwe eri
abantu bo, nga muganda wo Alooni bwe yafiira ku lusozi Koola,
n'akuŋŋaanyizibwa eri abantu be.
51 Kubanga mwembi mwanziggyamu obwesige mu maaso g'abaana ba
Isirayiri ku mazzi g'e Meriba-Kadesi mu ddungu ly'e Zini, olw'okulemwa
okussa ekitiibwa ekituukiridde mu butukuvu bwange mu maaso g'abaana
ba Isirayiri.
52 Noolwekyo ensi ojja kugirengera bulengezi, so toligiyingiramu, ensi
gye mpa abaana ba Isirayiri."

## 33

### *Musa Asabira Ebika bya Isirayiri Omukisa Omulundi gwe Ogwasembayo*

1 Guno gwe mukisa, Musa musajja wa Katonda gwe yasabira abaana ba
Isirayiri nga tannafa.
2 Yagamba nti,
"MUKAMA Katonda yajja gye tuli ng'ava ku Sinaayi
n'atutuukako ng'ava ku Seyiri;
yamasamasa ng'ava ku Lusozi Palani.
Yajja n'obufukunya bw'abatukuvu
okuva ku bukiika obwaddyo obw'ensozi ze.
3 Mazima gw'oyagala abantu,
abatukuvu bonna bali mu mikono gyo.
Bavuunama wansi ku bigere byo
ne bawulira ebiragiro by'obawa.
4 Ge mateeka Musa ge yatuwa
ng'ekyokufuna eky'ekibiina kya Yakobo.
5 Waasitukawo kabaka mu Yesuluuni
abakulembeze b'abantu bwe baakuŋŋaana
nga bye bika bya Isirayiri ebyegasse.

6 "Lewubeeni abenga mulamu; alemenga kuggwaawo
n'omuwendo gw'abasajja be gulemenga kukendeera."
7 Kino kye yayogera ku Yuda:
"Wulira, Ayi MUKAMA Katonda okukaaba kwa Yuda;
omuleete eri abantu be.
Yeerwaneko n'emikono gye.
Omuyambenga ng'alwanyisa abalabe be!"
8 Bino bye yayogera ku Leevi:
"Sumimu wo ne Ulimu wo
biwe omusajja oyo gw'oyagala ennyo.
Wamukebera e Masa
n'omugezesa ku mazzi ag'e Meriba.
9 Yayogera ku kitaawe ne nnyina nti,
'Abo sibafaako.'
Baganda be teyabategeeranga

wadde okusembeza abaana be;
baalabiriranga ekigambo kyo
ne bakuumanga endagaano yo.
10 Banaayigirizanga Yakobo ebiragiro byo
ne Isirayiri amateeka go.
Banaanyookezanga obubaane mu maaso go,
n'ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto kyo.
11 Ayi MUKAMA Katonda owe omukisa byonna by'akola,
era okkirize emirimu gy'emikono gye.
Okubirenga ddala abo abamugolokokerako
okubenga abalabe be balemenga kwongera kumulumbanga."
12 Bye yayogera ku Benyamini:
"Omwagalwa wa MUKAMA Katonda abeerenga wanywevu,
Katonda Ali Waggulu ng'amwebulungudde bulijjo,
omwagalwa anaagalamiranga wakati ku bibegabega bye."
13 Yayogera bw'ati ku Yusufu:
"Ettaka lye MUKAMA Katonda aliwe omukisa,
n'omusulo omulungi ennyo ogunaavanga waggulu mu ggulu
n'amazzi mu nzizi empanvu mu ttaka wansi,
14 n'ebibala ebigimu ennyo ebinaavanga mu musana,
n'amakungula aganaasinganga mu myezi gyonna;
15 n'ebibala ebinaakiranga obulungi ku nsozi ez'edda,
n'okwala kw'ebirime ku nsozi ez'emirembe gyonna;
16 n'ebirabo ebisinga byonna mu nsi n'okujjula kwayo,
n'obuganzi obunaavanga eri oyo ow'omu kisaka ekyaka.
Ebyo byonna ka bijjenga ku mutwe gwa Yusufu,
mu kyenyi ky'omulangira mu baganda be.
17 Mu kitiibwa anaabanga ente ennume embereberye
amayembe ge, ng'amayembe ga sseddume endalu;
anaagatomezanga amawanga n'agayuzaayuza,
n'agagoberanga ku nkomerero y'ensi.
Obwo bwe bunaabanga obukumi bwa Efulayimu
nga ze nkumi za Manase."
18 Yayogera bw'ati ku Zebbulooni:
"Jaguzanga, ggwe Zebbulooni, bw'onoofulumanga;
ne Isakaali ng'ali mu weema zo.
19 Banaakoowoolanga amawanga okwambuka ku nsozi
ne baweerangayo eyo ssaddaaka ez'obutuukirivu,
banaalyanga eby'obugagga ebya mayanja,
nga beeyambisa n'ebyobugagga ebikweke mu musenyu."
20 Yayogera bw'ati ku Gaadi:
"Alina omukisa oyo agaziya ensalo z'omugabo gwa Gaadi,
Gaadi omwo mw'abeera ng'empologoma
ng'ayuza omukono n'omutwe.
21 Yeerondera omugabo gw'ettaka erisinga obulungi,
omugabo gw'omukulembeze gwe gwamukuumirwa.
Abakulembeze b'abantu bwe baakuŋŋaana
ye yabasalira emisango gya MUKAMA,
n'okukwasa Isirayiri amateeka ga MUKAMA Katonda."
22 Yayogera bw'ati ku Ddaani:
"Ddaani mwana gwa mpologoma,
ogubuuka nga guva mu Basani."

23 Yayogera bw'ati ku Nafutaali:
"Ggwe Nafutaali ajjudde obuganzi bwa MUKAMA Katonda
era ng'ojjudde emikisa gye,
onoosikira obukiikaddyo okutuuka ku nnyanja."
24 Yayogera bw'ati ku Aseri:
"Asinga okuweebwa omukisa mu batabani ye Aseri,
ku baganda be gwe babanga basinga okwagala
era emizabbibu* gigimuke nnyo mu ttaka lye.
25 Enzigi z'ebibuga byo zinaasibwanga n'eminyolo egy'ekyuma n'ekikomo
n'amaanyi go ganenkananga n'obuwangaazi bwo.

26 "Tewali afaanana nga Katonda wa Yesuluuni
eyeebagala waggulu ku ggulu ng'ajja okukuyamba
ne ku bire mu kitiibwa kye.
27 Katonda ataggwaawo bwe buddukiro bwo,
era akuwanirira n'emikono gye emirembe gyonna.
Anaagobanga abalabe bo nga naawe olaba,
n'agamba nti, 'Bazikirize!'
28 Bw'atyo Isirayiri anaabeeranga mu mirembe yekka,
ezzadde lya Yakobo linaabeeranga wanywevu,
mu nsi erimu emmere y'empeke ne wayini,
eggulu mwe linaatonnyezanga omusulo.
29 Nga weesiimye, Ayi Isirayiri!
Ani akufaanana,
ggwe eggwanga MUKAMA Katonda lye yalokola?
Ye ngabo yo era omubeezi wo,
era kye kitala kyo ekisinga byonna.
Abalabe bo banaakuvuunamiranga,
era onoobalinnyiririranga."

# 34

## *Okufa kwa Musa mu nsi ya Mowaabu*

1 Awo Musa n'ayambuka okuva mu nsenyi za Mowaabu, n'alinnyalinnya
Olusozi Nebo, n'atuukira ddala ku ntikko eyitibwa Pisuga, eyolekedde
Yeriko. MUKAMA Katonda n'asinziira awo n'amulengeza ensi yonna
ensuubize: okuva ku Giriyaadi okutuuka ku Ddaani,
2 ne Nafutaali yonna, n'ensi ya Efulayimu ne Manase, n'ensi yonna eya
Yuda okutuuka ku Nnyanja ey'Ebugwanjuba,
3 ne Negebu n'olusenyi olw'ekiwonvu omuli Ekibuga ky'Enkindu ekiy-
itibwa Yeriko okutuukira ddala ku Zawaali.
4 MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Eyo y'ensi gye nalayirira Ibu-
layimu, ne Isaaka, ne Yakobo, nga ngibasuubiza nti, 'Ndigiwa ezzadde lyo.'
Ngikulaze n'ogiraba n'amaaso go, naye tojja kusomoka kugituukamu."
5 Awo Musa, omuweereza wa MUKAMA, n'afiira awo mu nsi ya Mowaabu,
ng'ekigambo kya MUKAMA Katonda bwe kyali.
6 MUKAMA n'aziika Musa mu nsi ya Mowaabu, mu kiwonvu ekyolekedde
Besupyoli, naye tewali n'omu amanyi malaalo ge we gali ne ku lunaku lwa
leero.

* **33:24** Waabangawo amafuta agaggibwanga mu mizabbibu, era amafuta ago kaali kabonero akalaga obugagga.

7 Musa we yafiira yali nga yakamaze emyaka kikumi mu abiri egy'obukulu; kyokka ng'amaaso ge galaba bulungi, era n'amaanyi ge nga tegakendeddeeko.

8 Abaana ba Isirayiri ne bakaabira Musa mu nsenyi za Mowaabu okumala ennaku amakumi asatu, okutuusa ennaku ezo ez'okukaaba n'okukungubagira Musa bwe zaggwaako.

9 Yoswa, mutabani wa Nuuni, yali ajjudde omwoyo ogw'amagezi, kubanga Musa yali yamuteekako emikono gye. Abaana ba Isirayiri ne bamuwulira, ne bakola nga MUKAMA Katonda bwe yali alagidde Musa.

10 Okuva olwo tewayimukangawo nnabbi mulala mu Isirayiri afaanana nga Musa, MUKAMA Katonda gwe yamanyagana naye amaaso n'amaaso.

11 Tewaaliwo yamwenkana olw'obubonero n'ebyamagero MUKAMA Katonda bye yamutuma okukola mu nsi y'e Misiri ku Falaawo ne ku baweereza be bonna, ne ku nsi ye yonna,

12 era n'olw'ekitiibwa kye eky'amaanyi amangi, n'obuyinza obw'entiisa bwe yayoleka mu Isirayiri yenna.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Yoswa

1 Awo Musa omuweereza wa Mukama bwe yamala okufa, Mukama
n'agamba Yoswa mutabani wa Nuuni, eyali omubeezi wa Musa nti,
2 "Musa omuweereza wange afudde, kale kaakano weeteeketeeke
osomoke omugga guno Yoludaani ggwe awamu n'abantu bano bonna
mulyoke muyingire mu nsi eno gye mbawa mmwe abaana ba Isirayiri*.
3 Nga bwe nasuubiza Musa, buli we munaalinnyanga ekigere, mbawad-
dewo.
4 Mbawadde ekitundu ekyo kyonna okuviira ddala ku ddungu ne ku
Lebanooni, okutuuka ku mugga omunene, Fulaati, n'ensi ey'Abakiiti
n'okutuukira ddala ku Nnyanja Ennene ebugwanjuba.
5 Tewali n'omu alisobola kubaziyiza ennaku zonna ez'obulamu bwo;
nga bwe nabeeranga ne Musa era bwe ntyo bwe nnaabeeranga naawe,
sirikuleka wadde okukwabuulira.
6 "Ddamu amaanyi, guma omwoyo; kubanga ggwe oligabira abantu
bano ensi gye nasuubiza edda bajjajjaabwe.
7 Ddamu amaanyi era beera muzira, byonna by'okola obyesigamye ku
mateeka omuweereza wange Musa ge yakulagira; togaviirangako ddala,
oleme okukyama ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono olyoke obenga
omuwanguzi buli gy'onoogendanga.
8 Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, okifumiitirizan-
gako emisana n'ekiro olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era
bw'otyo bw'oneefunira obuwanguzi n'okukulaakulana.
9 Si nze nkulagidde? Noolwekyo ddamu amaanyi, guma omwoyo, totya
era toterebuka kubanga Mukama Katonda wo anaabanga naawe buli
gy'onoogendanga."
10 Bw'atyo ne Yoswa n'alagira abakulembeze b'Abayisirayiri nti,
11 "Muyite mu lusiisira lwonna nga mutegeeza abantu bonna nti,
'Mwesibire entanda kubanga mu nnaku ssatu mulisomoka omugga
guno Yoludaani mulyoke mugabane ensi Mukama Katonda wammwe
gy'abawa.' "
12 Yoswa n'agamba ab'ekika kya Lewubeeni, n'ab'ekika kya Gaadi
n'ekitundu ky'ekika kya Manase nti,
13 "Mujjukire omuweereza wa Mukama Musa kye yabalagira ng'agamba
nti, 'Mukama Katonda wammwe abawa ekifo eky'okuwummuliramu era
alibawa ensi eno.'
14 Bakazi bammwe, n'abaana bammwe abato balisigala wano
awamu n'amagana gammwe mu kitundu kino Musa kye yabawa
edda ebuvanjuba w'omugga Yoludaani. Naye abasajja bammwe
enkwatangabo nga bambalidde ebyokulwanyisa, bateekwa okubakulem-
beramu n'okubalwanirira,
15 okutuusa baganda bammwe abo nabo Mukama lw'alibawa ensi eyo
n'abatebenkeza. N'oluvannyuma mulikomawo mu kitundu kino Musa
omuweereza wa Mukama kye yabawa emitala wa Yoludaani okwolekera
ebuvanjuba."

* **1:2** Mu biro ebyo Abayisirayiri baali mu Sittimu (2:1) mu nsi y'e Mowaabu (Ma 34:3) okumpi ne Yoludaani.

16 Awo ne baanukula Yoswa nti, “Byonna by’otukalaatidde tunaabikola era tunaagenda yonna gy’onootusindika.

17 Nga bwe twagonderanga Musa mu byonna naawe bwe tunaakugonderanga tutyo; MUKAMA Katonda wo abeerenga naawe nga bwe yabeeranga ne Musa.

18 Buli anaajeemeranga ebigambo byo n’atabiwuliriza anattibwanga. Ddamu amaanyi, guma omwoyo.”

# 2

*Abakessi Baweerezebwa e Yeriko*

1 Awo Yoswa mutabani wa Nuuni n’atuma abasajja babiri okuva e Sittimu bagende mu kyama bakette, n’abagamba nti, “Mugende mwekkaanye ensi eyo na ddala ekibuga Yeriko*.” Bwe batyo ne bagenda. Bwe baatuukayo ne bayingira mu nnyumba y’omukazi malaaya ayitibwa Lakabu ne basula omwo.

2 Naye kabaka wa Yeriko n’akitegeera nti waliwo abasajja Abayisirayiri abazze ekiro okuketta ensi ye.

3 Bw’atyo kabaka oyo n’atumya ewa Lakabu nti, “Mu nju yo mulimu abasajja abazze okuketta ensi yange, bampeereze mangu.”

4 Lakabu abasajja bano yali yamaze dda okubakweka, naye n’alyoka agamba nti, “Kituufu abasajja abo baabaddeko wano naye saategedde gye baabadde bava.

5 Oluggi lw’ekibuga bwe lwabadde lunaatera okuggalwawo akawungeezi, ne bafuluma, saategedde gye baalaze; naye mubawondere osanga munaabagwikiriza.”

6 So nno yali yabakwese dda ku nju waggulu era nga ababisseeko bulungi ebikolokomba by’obugoogwa.

7 Basajja ba kabaka ne bafuluma ekibuga ne wankaaki waakyo naggalwawo. Ne banoonya abakessi okutuukira ddala ku mugga Yoludaani.

8 Abakessi bwe baali tebanneebaka, Lakabu n’ayambuka gye baali ku nju waggulu

9 n’abagamba nti, “Nkimanyi nga MUKAMA abawadde ensi eno era nga ffenna tubatidde nnyo, tuweddemu n’omwoyo.

10 Twawulira MUKAMA bwe yakaliza ennyanja emyufu nga muva e Misiri era twawulira bwe mwazikiriza Sikoni ne Ogi bakabaka b’Abamoli emitala w’omugga Yoludaani.

11 Amangwago nga twakakiwulira emitima gyatutyemuka, era teri n’omu ku ffe yasigalamu ndasi, kubanga MUKAMA Katonda wammwe ye Katonda w’omu ggulu ne mu nsi.”

12 N’abagamba nti, “Nga nange bwe mbakoledde ebyekisa, mbasaba nammwe munkolere bwe mutyo nga mulayira mu linnya lya MUKAMA era mumpe n’obukakafu

13 nga mulitutaliza; nze, ne kitange, ne mmange, ne baganda bange, ne bannyinaze awamu n’abo bonna be babeera nabo.”

---

* **2:1** Yeriko Kyali kibuga kya dda nnyo nga kiriko ebigo eby’amaanyi nga kiri kilomita munaana mu bugwanjuba bwa Yoludaani. Mwalimu emigga mingi nga kiriko ne bbugwe ow’amaanyi. Abatuuze baamu baasobolanga okwewanirira mu biseera eby’ekyeya okumala ebbanga ddene ddala. Noolwekyo kyali kifo kikulu nnyo awayingirwa mu Nsi Ensuubize.

14 Abasajja abo ne baddamu nti, “Bw’otolituloopa, naffe tulibawonya
MUKAMA ng’atuwadde ensi eno; era MUKAMA atuzikirize bwe tutalikola
bwe tutyo.”
15 Olw’okubanga ennyumba ya Lakabu yazimbwa ku bbugwe
w’ekibuga, bw’atyo n’abasizza ku muguwa ng’abayisa mu ddirisa.
16 Yabagamba nti, “Mugende mwekwekere ennaku ssatu eyo mu
nsozi okutuusa ng’ababawenja bamaze okudda, oluvannyuma muyinza
okwetambulira amakubo gammwe.”
17 Ne bamugamba nti, “Tujja kukuuma butiribiri ekirayiro kyaffe
18 era bwe tulitabaala ensi yammwe, osibanga omuguwa guno
omumyufu mu ddirisa mwe watuyisa era okuŋŋaanyizanga mu nnyumba
yo, kitaawo, ne nnyoko, bannyoko n’ab’omu nnyumba ya kitaawo bonna.
19 Gwe kalitanda n’afuluma mu nju yo n’atambulatambula mu nguudo,
ekirimutuukako kyonna y’alimanya. Kyokka alituukibwako akabi konna
mu nju yo, ogwo guliba musango gwaffe.
20 Naye k’olituloopa, olwo oliba omenye endagaano yaffe naawe.”
21 Lakabu y’abaddamu n’abagamba nti, “Byonna bibeere nga bwe
tukkaanyizza.” Bwe yamala okubasiibula n’asiba akawero akamyufu mu
ddirisa.

### *Abakessi Beddirayo Ewaabwe*

22 Abakessi bwe baamala okwekwekera ennaku ssatu mu nsozi nga
n’ababanoonya bababuliddwa,
23 ne beddirayo eri Yoswa mutabani wa Nuuni ne bamuyitiramu mu
byonna nga bwe byagenda.
24 Ne bamugamba nti, “Ddala ensi eyo MUKAMA agituwadde, abantu
baamu bonna tubakubye encukwe.”

# 3

### *Abayisirayiri Beeteekerateekera Okusomoka Omugga Yoludaani*

1 Mu makya ennyo Yoswa n’Abayisirayiri bonna ne bagolokoka okuva
e Sittimu, bwe baatuuka ku mugga Yoludaani ne basooka balindirira awo
nga tebannagusomoka.
2 Bwe waayitawo ennaku ssatu abakulembeze baabwe ne babayitaayi-
tamu
3 nga bwe babalagira nti, “Bwe munaalaba Essanduuko ey’Endagaano
ya MUKAMA Katonda wammwe, bakabona Abaleevi nga bagisitudde ne
mulyoka muva mu kifo kino ne mugigoberera,
4 kubanga lino ekkubo temuliyitangamu. Naye wakati wammwe nayo,
mulekawo ebbanga nga lya fuuti enkumi ssatu muleme okugisemberera.”
5 Awo Yoswa n’agamba Abayisirayiri nti, “Mwetukuze kubanga enkya
MUKAMA anaakola ebyamagero mu mmwe.”
6 Ate Yoswa n’agamba bakabona nti, “Musitule Essanduuko
ey’Endagaano era mukulemberemu abantu babagoberere.” Bakabona
nabo ne bakola nga Yoswa bwe yabalagira.

### *MUKAMA Asuubiza Yoswa*

7 MUKAMA n’agamba Yoswa nti, “Olwa leero ŋŋenda okukugulumiza mu
maaso g’Abayisirayiri bonna balyoke bamanye nti nga bwe nnali ne Musa,
era bwe ntyo bwe ndi naawe.
8 Bw’otyo onoolagira bakabona abasitula Essanduuko ey’Endagaano nti
bwe mutuuka ku mugga Yoludaani, muyimirire buyimirizi.”

9 Yoswa n'ayita Abayisirayiri nti, "Musembere wano muwulire ebigambo bya MUKAMA Katonda wammwe.

10 Olwa leero mugenda okutegeera nti Katonda omulamu ali mu mmwe, kubanga anaagobera ddala Abakanani, n'Abakiiti, n'Abakiivi, n'Abaperezi, n'Abagirugaasi, n'Abamoli, n'Abayebusi mmwe nga mulaba.

11 Laba, Essanduuko ey'Endagaano ya Mukama w'ensi zonna y'eneebakulemberamu nga musomoka omugga guno Yoludaani.

12 Kale nno mulonde abasajja kkumi na babiri okuva mu bika bya Isirayiri nga buli kika mulondamu omu omu:

13 Bakabona abasitudde Essanduuko ya MUKAMA w'ensi zonna, olunaalinnya ebigere byabwe mu mugga Yoludaani, amazzi agabadde gakulukuta gonna ganaayimirira ne geetuuma."

### *MUKAMA Ayisa Abayisirayiri mu Mugga Yoludaani*

14 Awo Abayisirayiri ne basimbula weema zaabwe okusomoka Yoludaani nga bakulembeddwamu bakabona abasitudde Essanduuko y'Endagaano.

15 Omugga Yoludaani gwanjaala mu kiseera eky'amakungula kyonna. Mu kiseera ekyo bakabona abasitudde Essanduuko we baalinnyira ebigere byabwe ku Yoludaani.

16 Amangwago amazzi agaali gakulukuta ne gayimirira ne geetuuma eri ewala okuliraana ekibuga Adamu ku ludda lwa Zaresaani. N'ago agaali gaserengeta okweyiwa mu Araba Ennyanja ey'Omunnyo ne gasalikako, abantu ne basomokera Yoludaani ku ttaka ekkalu, mu maaso ga Yeriko.

17 Bakabona abasitudde Essanduuko ya MUKAMA ne bayimirira wakati mu Yoludaani awatakyali mazzi okutuusa Abayisirayiri bonna lwe baasomoka.

## 4

### *Amayinja Ekkumi n'Abiri ag'Ekijjukizo*

1 Awo Abayisirayiri bonna bwe baamala okusomoka omugga Yoludaani, MUKAMA n'agamba Yoswa nti,

2 "Yungula abasajja kkumi na babiri mu buli kika ng'olondamu omu omu."

3 Obakuutire nti, "Mulonde amayinja kkumi n'abiri nga mugaggya wakati mu mugga Yoludaani awo wennyini bakabona we balinnye ebigere byabwe, mugende nago okutuukira ddala we munaasula ekiro kino."

4 Yoswa n'ayita abasajja kkumi na babiri be yalonda mu bika byonna ebya Isirayiri, n'abagamba nti,

5 "Mukulembere mu maaso g'Essanduuko ya MUKAMA Katonda wammwe era buli omu ku mmwe alonde ejjinja limu ng'aliggya mu mugga guno Yoludaani alyetikke ku kibegabega kye.

6 Kano kalyoke kababeerere akabonero gye muli era mu mirembe ejjija, abaana bammwe bwe balibabuuza amayinja gano kye gategeeza,

7 mulibagamba nti essanduuko y'Endagaano ya MUKAMA bwe yali ng'esomosebwa omugga Yoludaani, amazzi gaagwo ne geetuuma ng'ogusenge okutuusa Essanduuko bwe yamala okuyisibwawo. Kale amayinja gano, Abayisirayiri galibabeerera ekijjukizo emirembe gyonna."

8 Abasajja Abayisirayiri ne bakola nga Yoswa bwe yabakuutira, ne balonda amayinja kkumi n'abiri nga bagaggya mu mugga Yoludaani ng'omuwendo gw'ebika by'Abayisirayiri bwe gwali. Ne bagasitula okugatuusiza ddala we baali bagenda okusula nga MUKAMA bwe yagamba Yoswa.

9 Yoswa n'asimba amayinja kkumi n'abiri mu kifo bakabona abaasitula Essanduuko ey'Endagaano we baalinnya era we gali ne kaakano.

10 Bakabona abaasitula Essanduuko ne bayimirira wakati mu Yoludaani okutuusa nga Abayisirayiri bamaze okutuukiriza byonna MUKAMA bye yabalagira ng'ayita mu Musa ne Yoswa. Abantu bonna ne basomoka bunnambiro.

11 Abantu bonna nga bamaze okusomoka, bakabona ne basomosa Essanduuko ya MUKAMA abantu bonna nga babayeegese amaaso.

12 Awo abasajja ab'ekika kya Lewubeeni, n'ekya Gaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase ne basomoka ne bayita ku Bayisirayiri bonna nga babagalidde ebyokulwanyisa nga Musa bwe yabagamba,

13 bonna abaali bambalidde ebyokulwanyisa baali emitwalo ng'ena mu maaso ga MUKAMA Katonda, olwo ne boolekera eyali olutalo mu lusenyi lw'e Yeriko.

14 Ku lunaku olwo MUKAMA n'agulumiza nnyo Yoswa mu maaso g'Abayisirayiri bonna, ne bamussaamu ekitiibwa ennaku zonna ez'obulamu bwe nga bwe baakolanga Musa.

15 Awo MUKAMA n'agamba Yoswa nti,

16 "Lagira bakabona abasitula Essanduuko ey'Obujulirwa baveeyo mu mugga."

17 Bw'atyo Yoswa n'alagira bakabona nti, "Muveeyo mu mugga Yoludaani."

18 Bakabona abasitula Essanduuko ey'Endagaano ya MUKAMA olwalinnya ebigere byabwe ku lukalu, amazzi gonna aga Yoludaani ne gakomawo mu kkubo lyago n'okwanjaala ne ganjaala nga bulijjo.

19 Bwe batyo Abayisirayiri ne basitula okuva ku Yoludaani ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'olubereberye ne batuuka e Girugaali ne basiisira awo kumpi n'ensalo ey'ebuvanjuba eya Yeriko.

20 Amayinja ekkumi n'abiri agaggibwa mu Yoludaani, Yoswa n'agasimba mu Girugaali.

21 N'agamba Abayisirayiri nti, "Abaana bammwe bwe balibabuuza amakulu g'amayinja gano,

22 mulibaddamu nti, 'Abayisirayiri bwe baali banaatera okusomoka omugga Yoludaani,

23 MUKAMA n'akaliza omugga ogwo okutuusa nga bamaze okugusomoka ne kifaananako nga MUKAMA Katonda bwe yakola Ennyanja Emyufu.'

24 Ebyo byabaawo abantu b'omu nsi yonna bategeere ng'omukono gwa MUKAMA gwa maanyi era nammwe mulyoke mutye MUKAMA Katonda wammwe emirembe gyonna."

# 5

1 Awo bakabaka ba ab'Amoli abaali emitala ebugwanjuba bw'omugga Yoludaani, ne bakabaka b'Abakanani abaliraanye ennyanja bwe baawulira nga MUKAMA yakaliza amazzi g'omugga Yoludaani Abayisirayiri basobole okusomoka, ne batekemuka omwoyo olw'Abayisirayiri.

### *Yoswa Akomola Abayisirayiri*

2 Mu kiseera ekyo MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Weekolere obwambe obw'amayinja amoogi, okomole abasajja bonna Abayisirayiri abatakomolwanga."

3 Bw'atyo Yoswa n'akola obwambe mu mayinja amoogi n'akomolera abasajja Abayisirayiri ku lusozi oluyitibwa Gibeyakalaloosi.

[4] Ensonga Yoswa kyeyava abakomola y'eno: abasajja Abayisirayiri abaava e Misiri nga mwe muli n'abalwanyi bonna, baafiira mu ddungu.
[5] Abaava e Misiri bonna baali bamaze okukomolebwa, kyokka abaana baabwe abaazaalirwa mu ddungu tebaali bakomole.
[6] Abayisirayiri baamala emyaka amakumi ana nga batambula mu ddungu okutuusa bonna, nga mwe muli n'abalwanyi, lwe baafa ne baggwaawo, kubanga baagaana okugondera eddoboozi lya MUKAMA. MUKAMA kyeyava abalayirira nti talibaganya kutuuka mu nsi eyo gye yasuubiza bajjajjaabwe, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.
[7] Kale mu bifo byabwe MUKAMA yazzaawo baana baabwe era abo Yoswa be yakomola kubanga tebaakomolerwa mu kkubo.
[8] Bonna nga bamaze okukomolwa tebaava mu weema zaabwe mu lusiisira, okutuusa nga bamaze okuwona.
[9] MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Okuva olwa leero mbaggyeeko ekivume ky'e Misiri." Ekifo ekyo kyekyava kiyitibwa Girugaali n'okutuusa kaakano.

### *Abayisirayiri Bakwata Okuyitako e Girugaali*

[10] Awo Abayisirayiri bwe baali bakyasiisidde e Girugaali embaga ey'Okuyitako n'etuuka era ne bagirya akawungeezi ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi, mu lusenyi lw'e Yeriko.
[11] Enkeera ne balya emmere ey'omu nsi y'e Kanani: emigaati egitali mizimbulukuse n'empeke ensiike.
[12] Okuva ku lunaku olwo lwe baalya ku mmere y'omu Kanani tebaddamu kufuna Maanu; olwo ne batandika kulyanga mmere ya mu nsi eyo.

### *Yoswa Asisinkana Omukulu w'Eggye lya MUKAMA*

[13] Awo Yoswa bwe yali anaatera okutuuka e Yeriko bwe yayimusa amaaso n'alaba omusajja akutte ekitala ekisowole ng'amwolekedde. Yoswa kyeyava amusemberera n'amubuuza nti, "Oli ku ludda lwaffe oba ku lwa balabe baffe?" Ye n'amuddamu nti,
[14] "Siriiko ludda. Nze mukulu w'eggye lya MUKAMA era ntuuse." Yoswa n'agwa wansi, n'avuunama n'amusinza era n'amubuuza nti, "MUKAMA wange, oŋŋamba ki omuddu wo?"
[15] Naye omukulu w'eggye lya MUKAMA n'amuddamu nti, "Yambulamu engatto zo kubanga ekifo kino mw'oli kitukuvu." Ne Yoswa naye n'akola nga bwe yalagirwa.

## 6

### *Ekibuga Yeriko Kizingizibwa*

[1] Ekibuga Yeriko kyali kigaddwawo ng'enzigi zonna zisibiddwa be gulugulu olw'okutya Abayisirayiri era nga tewali afuluma wadde ayingira.
[2] MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Laba, Yeriko ne kabaka waakyo n'abasajja baamu bakirimaanyi mbawaddeyo mu mukono gwammwe.
[3] Basajja bammwe abalwanyi bonna bajja ku kyetooloolanga omulundi gumu buli lunaku okumala ennaku mukaaga.
[4] Bakabona musanvu bajja kwambaliranga amakondeere agaakolebwa mu mayembe g'endiga ennume, nga bakulembedde Essanduuko. Ku lunaku olw'omusanvu balyetooloola ekibuga emirundi musanvu nga bwe bafuuwa amakondeere gaabwe.
[5] Olunaawulira amakondeere nga gavuga, Abayisirayiri bonna baleekaanire waggulu era amangwago ekisenge kya bbugwe ekyetoolodde

kineegonnomola wansi; amangwago Abayisirayiri bonna beefubitike
ekibuga.”
6 Bw’atyo Yoswa mutabani wa Nuuni n’ayita bakabona n’abagamba
nti, “Musitule Essanduuko ey’Endagaano ne bakabona musanvu bakulem-
bere Essanduuko ya Mukama nga bambalidde amakondeere musanvu
agaakolebwa mu mayembe g’endiga ennume.”
7 N’alagira Abayisirayiri nti, “Mweyongere mu maaso, mwetooloole
ekibuga abalina ebyokulwanyisa nga bakulembeddemu Essanduuko ya
Mukama.”
8 Nga Yoswa bwe yabakalaatira, bwe batyo bakabona omusanvu ne
bakulemberamu nga bwe bafuuwa amakondeere gaabwe omusanvu
ezaakolebwa mu mayembe g’endiga eza sseddume, eno nga Essanduuko
ey’Endagaano ya Mukama bw’ebavaako emabega.
9 Abasajja abambalidde ebyokulwanyisa ne bakulemberamu bakabona
ab’amakondeere, olwo eggye ery’emabega ne ligoberera Essanduuko
ng’eno amakondeere bwe ganyaanyaagira.
10 Awo Yoswa n’alagira Abayisirayiri nti, “Temuleekaana wadde ok-
wogerera waggulu, mutambule kasirise okutuusa ku lunaku olwo lwe
ndibalagira.”
11 Bw’etyo Essanduuko ya Mukama ne yeetooloozebwa ekibuga omu-
lundi gumu olunaku olwo, ne beddirayo mu lusiisira lwabwe ne beebaka.
12 Yoswa n’akeera nnyo mu makya, ne bakabona ne basitula Essanduuko
ya Mukama,
13 ne bakabona omusanvu abafuuyi b’amakondeere ne batambula,
abalwanyi nga babakulembedde, eggye ery’emabega lyo nga ligoberera
Essanduuko ya Mukama, eno amakondeere nga bwe gafuuyibwa.
14 Ku lunaku olwokubiri ne beetooloola ekibuga omulundi gumu, ne
baddayo mu lusiisira. Ne bakola bwe batyo okumala ennaku mukaaga.

### *Okugwa kwa Yeriko*

15 Ku lunaku olw’omusanvu baakeera mu matulutulu ne beetooloola
ekibuga nga bulijjo, kyokka olwo lwe lwali olunaku lwokka lwe
baakyetooloola emirundi omusanvu.
16 Ku mulundi ogw’omusanvu nga bakabona bamaze okufuuwa
amakondeere, Yoswa n’alagira abantu nti, “Muleekaane kubanga Mukama
abawadde ekibuga.
17 Era ekibuga n’ebintu byamu byonna bya kuweebwayo eri Mukama
bizikirizibwe okuggyako Lakabu yekka malaaya, oyo n’abantu be
baanaabeera nabo mu nju ye. Kubanga yakweka abakessi baffe be
twasindikayo.
18 Naye mmwe mwekuume ebyo ebiweereddwayo eri Mukama okuzik-
irizibwa muleme kubitwala kubanga kiyinza okuleetera Abayisirayiri
bonna ekikolimo n’okuzikirira.
19 Kyokka ffeeza ne zaabu n’ebintu byonna eby’ekikomo n’eby’ekyuma
bitukuvu eri Mukama era byakutereka mu ggwanika lya Mukama.”
20 Awo Abayisirayiri ne baleekaana nnyo, amakondeere bwe gaavuga.
Amangu ennyo ng’amakondeere gakavuga Abayisirayiri ne boogera
n’eddoboozi ery’omwanguka, era ekisenge kya bbugwe ekyebunguludde
ekibuga Yeriko ne kyegonnomola wansi. Awo ne bayingira ne bakiwamba.
21 Ne bazikiriza byonna ebyakirimu, abasajja n’abakazi, n’abaana abato,
n’ente, n’endiga, n’endogoyi ne byonna ne babizikiriza n’ekitala.

### *Lakabu Atalizibwa*

22 Awo Yoswa n'agamba abasajja ababiri abaatumibwa okuketta ensi eri
nti, “Mugende muleete malaaya oli n'abantu be bonna baali nabo nga bwe
mwamusuubiza.”
23 Bwe batyo abavubuka abo abakessi ne bagenda ne bakola nga
bwe baalagirwa, ne baleeta Lakabu malaaya, ne kitaawe, ne nnyina,
ne bannyina n'abantu be bonna be yali nabo, ne babateeka ebweru
w'olusiisira lw'Abayisirayiri.
24 Awo ne balyoka bookya ekibuga ne bazikiriza byonna ebyakirimu
okuggyako ffeeza, zaabu n'ebintu eby'ekikomo n'eby'ekyuma bye bag-
gyamu ne babitereka mu ggwanika ly'omu nnyumba ya MUKAMA.
25 Yoswa n'alekawo Lakabu malaaya n'ab'ennyumba ye era Lakabu
n'abeera mu Isirayiri n'okutuusa kaakano kubanga yakweka abakessi
Yoswa be yatuma okuketta ekibuga Yeriko.
26 Yoswa n'alayira nti,

“Akolimirwe mu maaso ga MUKAMA omuntu yenna alyaŋŋanga nate
okuzimba ekibuga kino Yeriko.
Bw'alyaŋŋanga okuzimba omusingi gwakyo alifiirwa omwana we
omubereberye.
Ate era bw'alyaŋŋanga okuwangamu enzigi z'emiryango gyakyo,
alifiirwa omwana we asembayo owoobulenzi.”

27 Bw'atyo MUKAMA n'abeera ne Yoswa, era ettutumu lya Yoswa ne
libuna ensi eyo yonna.

# 7

## *Abayisirayiri Balinnyibwa ku Nfeete mu kibuga Ayi*

1 Abayisirayiri ne basobya bwe baatwala ku bintu ebyali ebiwonge;
Akani mutabani wa Kaluni muzzukulu wa Zabudi era muzzukulu wa
Zeera ow'omu kika kya Yuda, ne yeetwalira ebimu ku bintu ebyo: bw'atyo
MUKAMA n'asunguwalira nnyo eggwanga lya Isirayiri.
2 Yoswa n'asindika abasajja okuva e Yeriko bagende mu kitundu kye Ayi
okuliraana Besaveni ebuvanjuba wa Beseri, n'abakuutira nti, “Mugende
mukette ensi eyo.” Nabo ne bagenda ne baketta Ayi.
3 Ne bakomawo ne bategeeza Yoswa nti, “Tosindika bantu bangi
kulumba Ayi wabula weerezaayo abantu nga enkumi bbiri oba ssatu be
baba balumba. Toweerezaayo bantu bonna kubanga ab'omu Ayi si bangi.”
4 Abayisirayiri ng'enkumi ssatu ne boolekera Ayi, kyokka abasajja be Ayi
ne bababfubutula emisinde
5 okubaggya ku wankaaki w'ekibuga okubatuusiza ddala emitala wa
Sebalimu era Abayisirayiri ng'amakumi asatu mu mukaaga ne battibwa.
Entiisa ne buutikira Abayisirayiri; emitima ne gibayenjebuka.
6 Yoswa n'abakulembeze b'Abayisirayiri ne bayuza ebyambalo byabwe
ne beesiiga enfuufu mu mitwe gyabwe era ne beeyala ku ttaka mu maaso
g'Essanduuko ya MUKAMA okuzibya obudde.
7 Yoswa n'agamba nti, “MUKAMA Katonda nga kitalo kino! Wasomoseza-
aki Abayisirayiri omugga Yoludaani ate n'obaleka bazikirizibwe Abamoli?
Bwe twali tukyali emitala wa Yoludaani tetwaliko kabi n'akatono!
8 Ayi Mukama, sonyiwa omuddu wo. Isirayiri alumbiddwa abalabe
baabwe, nze nnaayogera ki kaakano!
9 Abakanani n'abali mu kitundu ekyo kyonna bwe banaakiwulira bajja
kutwebungulula batusaanyeewo. Olwo erinnya lyo ekkulu bwe lityo liriba
terikyavuga.”

10 MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Golokoka. Kiki ekikuvuunamizza ku
ttaka?
11 Isirayiri eyonoonye kubanga bavudde ku ndagaano gye nabakuutira,
ne batwala ku bintu ebiwonge, ne babitabika mu byabwe ate ne balimba.
12 Ka mbabuulire, okuggyako nga muzikiriza omubi ali mu mmwe,
Abayisirayiri tebayinza kwolekera balabe baabwe, babadduka buddusi,
kubanga nsazeewo bazikirizibwe.
13 "Golokoka otukuze abantu era obategeeze beetukuze nga beetegekera
olw'enkya bw'atyo bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri. Waliwo
ebikwekeddwa mu mmwe; okuggyako nga mubikwekula temuyinza
kuwangula balabe bammwe.
14 " 'Enkya mujjire mu bika byammwe, buli kika MUKAMA
ky'anaalondamu kinaasembera luggya ku luggya, n'oluggya MUKAMA
lw'anaalondamu lunajja nju ku nju, era enju MUKAMA gy'anaalondamu
enejja muntu ku muntu.
15 Naye oyo anaasangibwa n'ebintu ebiwonge anaayokebwa mu muliro
ye n'ebyo byonna by'alina, kubanga amenye endagaano ya MUKAMA
n'avumaganya Isirayiri.' "

### *Akani Akubwa Amayinja*

16 Yoswa yakeera nnyo n'akuŋŋaanya ebika byonna, yasookera ku kika
kya Yuda era n'asembeza enju ya Yuda:
17 n'alondamu abo abazaalibwa Zeera, ate mu nju ya Zeera n'alondamu
Zabudi n'ennyumba ye:
18 ate mu bo n'alondamu Akani omwana wa Kalumi, muzzukulu wa
Zabudi, muzzukulu wa Zeera ow'omu kika kya Yuda.
19 Yoswa n'agamba Akani nti, "Mwana wange njagala oweese MUKAMA
Katonda wa Isirayiri ekitiibwa era omugulumizise, ombuulire ky'okoze,
tonkisa."
20 Akani n'addamu nti, "Mazima nayonoona eri MUKAMA Katonda wa
Isirayiri era kino kye nakola.
21 Bwe nalaba nga mu munyago mulimu ekyambalo ekirungi ekyava
e Sinaali* n'ensimbi, n'effeeza ne zaabu ne mbyegomba, bwe ntyo ne
mbitwala ne mbisimira mu ttaka mu weema yange."
22 Yoswa n'atuma ababaka mu weema ya Akani era ne babisangayo
ng'abisimidde mu ttaka.
23 Ne babifulumya ne babireeta eri Yoswa n'Abayisirayiri bonna, ne
babissa mu maaso ga MUKAMA.
24 Yoswa n'Abayisirayiri bonna ne bakwata Akani muzzukulu wa Zeera
ne bye yanyaga: effeeza, ne zaabu, n'ekyambalo. Ne bamutwala ne
batabani be, ne bawala be, n'ente ze n'endogoyi ze, n'endiga ze, n'eweema
ye ne byonna bye yalina ne babiserengesa mu kiwonvu Akoli.
25 Yoswa n'abuuza Akani nti, "Lwaki watuleetera ensasagge eno?
Nga bwe wakola bw'otyo olwa leero naawe onookiraba MUKAMA
ky'anaakukola."
Abayisirayiri bonna ne bayiikira Akani, n'abaana be n'ebintu bye ne
babakuba amayinja ne babatta era ne babakumako omuliro.
26 Ne balyoka babatuumako amayinja, n'okutuusa kaakano entuumu
y'amayinja eyo gagadde ekyaliwo. MUKAMA n'alekera awo okukam-
buwalira Abayisirayiri, ekiwonvu mwe babattira kyekyava kiyitibwa Akoli
n'okutuusa kaakano.

---

* **7:21** Sinaali Mu Lwebbulaniya, Sinaali kyekimu ne Babulooni.

# 8

*Enteekateeka y'Okufufuggaza ekibuga Ayi*

1 MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Totya era tokeŋŋentererwa, ddira
abasajja bonna abalwanyi mulumbe ekibuga Ayi kubanga mbawadde
obuwanguzi ku kyo. Kabaka, n'abantu be, ne byonna ebiri mu kibuga
Ayi mbibawadde.

2 Ayi ne kabaka waakyo mu bayise nga bwe mwakola Yeriko, omunyago
gwonna okuva mu Ayi ngubawadde. Mwekukume muteegere emabega
w'ekibuga."

3 Yoswa n'asituka n'eggye lyonna okulumba Ayi, n'alondamu abasajja
abalwanyi abazira nnamige emitwalo esatu n'abasindika kiro okulumba
Ayi.

4 N'abakuutira nti, "Mugende mwekukume kumpi n'ekibuga era mu-
teegere abantu baamu emabega waakyo. Temugenda wala nakyo mwenna
mube beetegefu.

5 Nze n'abalwanyi abalala tujja kwolekera ekibuga, bwe banaatufubu-
tula ng'olulala, tujja kuddukira ddala

6 tubatwalirize ewala okuva ku kibuga, tubalowoozese nti, tubadduse.
Ffe tujja kuddukira ddala tubabuleko.

7 Olwo mulyoke mufubutuke gye mwekwese, muwambe ekibuga
kubanga MUKAMA ajja kukibawa mukiwangule.

8 Kasita mukiyingira nga mukikumako omuliro. Mukole nga MUKAMA
bw'alagidde. Ebyo bye mbakuutidde."

9 Yoswa n'abasindika ne bagenda beekweka wakati wa Beseri ne Ayi
ebugwanjuba w'ekibuga Ayi. Ekiro ekyo Yoswa yakimala n'Abayisirayiri
abalala.

*Ekibuga Ayi Kiwambibwa*

10 Yoswa yakeera nnyo mu makya ne yeekebejja abalwanyi be, oluvan-
nyuma ye n'abakulembeze b'Abayisirayiri ne boolekera Ayi.

11 Abasajja bonna abalwanyi ne basemberera ekibuga era ne
bakuŋŋaanira mu maaso g'ekibuga Ayi mu bukiikakkono bwakyo,
ng'ekiwonvu kye kibaawula.

12 Yoswa n'addira abalwanyi ng'enkumi ttaano ne bateegera wakati wa
Beseri ne Ayi ebuvanjuba w'ekibuga.

13 Ekibinja ky'abalwanyi ekisinga obunene ne kikuŋŋaanira mu buki-
ikakkono w'ekibuga ate ekibinja ekizibizi ne kikuŋŋaanira ebugwanjuba
w'ekibuga. Naye ye Yoswa ekiro ekyo yasula mu kiwonvu.

14 Mu makya kabaka wa Ayi n'abantu be olwalengera Abayisirayiri
ne bafubutuka okugenda okubalwanyisa awo okwolekera Alaba, naye
tebaamanya nti waaliwo Abayisirayiri abalala abaali babeekwekeredde
emabega w'ekibuga.

15 Yoswa n'ekibinja ky'Abayisirayiri be yali nabo ne beefuula
ng'abawanguddwa ne badduka nga boolekedde eddungu.

16 Abantu bonna abaali mu kibuga ne bakoowoolwa okugoba Abayisir-
ayiri, ne babagobera ddala era ne babawereekereza wala nnyo n'ekibuga.

17 Tewali musajja n'omu yasigala mu Ayi oba Beseri, ekibuga kyonna
baaleka kiggule nga bagenze okugoba Abayisirayiri.

18 MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Galula omuwunda gwo ng'ogwolekeza
Ayi, kubanga ojja kukiwangula." Bw'atyo Yoswa n'agalula omuwunda gwe
eri Ayi.

19 Amangwago ng'agaludde omuwunda abaali beekwese ne bafubu-
tukayo ne besogga ekibuga era amangwago ne bakikoleeza omuliro.
20 Abasajja b'omu Ayi bagenda okukebuka ng'ekibuga kyabwe kinyooka
omukka nga tebakyasobola kudda mabega wadde okugenda mu maaso.
21 Yoswa n'abasajja be bwe baalaba nga bannaabwe beesozze ekibuga
era ne bakyokya, kwe kukyukira abaali babagoba ne babatta ebitagam-
bika.
22 Abayisirayiri abaayokya ekibuga nabo ne bavaayo ne bafuumbikiriza
abasajja b'omu Ayi ne babatta obutalekaawo n'omu.
23 Naye ye kabaka w'e Ayi baamuwamba ne bamuleetera Yoswa.

### *Okutirimbulwa kwa Bannakibuga b'omu Ayi*

24 Abayisirayiri bwe baamala okutta abantu b'omu Ayi abaali babagob-
eredde mu ddungu, ne balyoka bakomawo mu kibuga kya Ayi ne batta
abantu bonna abaakirimu.
25 Abasajja n'abakazi abattibwa ku olwo bonna baali omutwalo gumu
mu enkumi bbiri.
26 Yoswa bwe yagalula omuwunda gwe okugwolekeza ekibuga Ayi
teyagussa wansi okutuusa ng'abaamu bonna bamaze okuzikirizibwa.
27 Ente n'ebintu ebirala bye baasanga mu kibuga, Abayisirayiri ne
babitwala okuba omunyago gwabwe nga MUKAMA bwe yakuutira Yoswa.
28 Yoswa n'ayokya Ayi era ne kifuuka kifunvu ne leero.
29 Ate n'atta kabaka wa Ayi n'amuwanika ku muti okutuusa
akawungeezi lwe baawanulayo omulambo gwe ne bagusuula awo ku
wankaaki w'ekibuga ne bagutuumako entuumu y'amayinja era ekyaliyo
ne kaakano.

### *Ekyoto Kizimbwa ku Lusozi Ebali*

30 Oluvannyuma Yoswa n'azimbira MUKAMA Katonda wa Isirayiri, ekyoto
ku lusozi Ebali.
31 Nga Musa omuweereza wa MUKAMA bwe yakuutira Abayisirayiri
era nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo ky'amateeka ga Musa, "Eky-
oto eky'amayinja agataabajjibwa muntu ng'akozesa ekyuma." Bwe
kyaggwa ne batandika okukiweerako MUKAMA ebiweebwayo ebyokebwa
n'ebiweebwayo olw'emirembe.
32 Era n'awandiikira eyo ku mayinja mu maaso g'Abayisirayiri bonna,
amateeka Musa ge yasooka okuwandiikira abaana ba Isirayiri.
33 Abayisirayiri bonna n'abakulembeze baabwe, abalamuzi, n'abakungu
ne bannaggwanga bonna ab'omu Isirayiri ne bayimirira eruuyi n'eruuyi
w'Essanduuko okwolekera bakabona Abaleevi abaasitulanga Essanduuko
y'Endagaano ya MUKAMA. Ne beegabanyaamu, ekitundu ekimu ne
bayimirira mu maaso g'olusozi Gerizimu, ate abalala ne bayimirira mu
maaso g'olusozi Ebali, nga Musa omuddu wa MUKAMA bwe yabalagira mu
kusooka nti, "Kibagwanidde okusabira Abayisirayiri omukisa."
34 Oluvannyuma Yoswa n'abasomera ebigambo byonna eby'omu ma-
teeka, emikisa n'ebikolimo nga byonna bwe byawandiikibwa mu Kitabo
ky'Amateeka.
35 Tewali kigambo na kimu Musa kye yalagira, Yoswa ky'ataasomera
Bayisirayiri bonna, abaali bakuŋŋaanye abasajja n'abakazi n'abaana
abato ssaako ne bannaggwanga be baabeeranga nabo.

# 9

### *Ab'e Gibyoni Basala Olukwe*

1 Bakabaka baamawanga gonna agaali emitala w'omugga Yoludaani ku nsozi ne mu bikko ne ku lubalama lw'ennyanja ennene okwolekera Lebanooni; omwo nga mwe muli Abakiiti, n'Abamoli, n'Abakanani, n'Abaperezi, n'Abakiivi, n'Abayebusi bonna bwe baawulira ebibaddewo
2 ne beekobaana okulwana ne Yoswa n'Abayisirayiri.

3 Naye abatuuze b'omu Gibyoni* bwe baawulira Yoswa ky'akoze Yeriko ne Ayi
4 ne basala amagezi ne bateekateeka emmere n'ebyokunywa ne babissa mu bisawosawo ebikadde ebitungiriretungirire ne babiteeka ku ndogoyi zaabwe, ne bambala ebigoye ebiyulifuyulifu
5 n'engatto entungirire, emmere yaabwe yonna yali nkalu ate nga yakukula.
6 Ne bagenda eri Yoswa mu lusiisira e Girugaali ne bamugamba wamu n'Abayisirayiri nti, "Ffe tuva mu nsi yeewala, twagala tukole nammwe endagaano."
7 Naye Abayisirayiri ne bagamba Abakiivi† nti, "Mmwe abatabeera mu ffe tukola tutya nammwe endagaano?"
8 Ne baddamu nti, "Ffe tuli baddu bo." Yoswa n'abagamba nti, "Mmwe baani era muva wa?"
9 Ne baddamu nti, "Tuzze lwa MUKAMA Katonda wammwe; twawulira byonna bye yakola e Misiri,
10 era n'ebyo bye yakola bakabaka ababiri Abamoli abaabeeranga emitala wa Yoludaani, Sikoni kabaka w'e Kesuboni ne Ogi kabaka we Basani abaabeeranga mu Asitaloosi.
11 Abakulembeze n'abantu b'ewaffe bonna beebaatugamba nti, 'Mwesibire entanda mugende musisinkane Abayisirayiri mubagambe nti, "Ffe tuli baddu bammwe kale tukole nammwe endagaano." '
12 Kale laba emmere yaffe eno we twaviira eka ng'ekyayokya naye olw'olugendo oluwanvu kaakano yiino yonna nkalu era ekukudde n'okukula.
13 Ensawo z'omwenge zino ez'amaliba zaali mpya era nga zijjudde omwenge, naye kaakano laba n'okwabika zaabise; ebyambalo n'engatto zaffe byonna byabise olw'olugendo oluwanvu lwe tutambudde."
14 Abayisirayiri, awatali kumala kubuuza eri MUKAMA, ne bakkiriza okulya ku mmere y'abatambuze bano.
15 Yoswa n'abakulembeze b'Abayisirayiri ne bakola nabo endagaano y'emirembe era ne beerayirira obutabakolako kabi konna.

### *Ab'e Gibyoni Babonerezebwa*

16 Nga wayiseewo ennaku ssatu ng'endagaano ewedde okukola, Abayisirayiri ne bakivumbula ng'abantu abo baliraanwa baabwe.
17 Abayisirayiri ne bagenda okunoonyereza, ku lunaku olwokusatu ne batuuka mu bibuga by'abantu bano: Gibyoni, ne Kefira, ne Beroosi ne Kiriyasuyalimu.
18 Naye Abayisirayiri tebatta bantu bano kubanga abakulembeze baabwe baali baamala dda okwerayirira mu linnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri obutabatta. Abayisirayiri bonna ne beemulugunyiza abakulembeze baabwe.

* **9:3** Gibyoni Kyali nga kilomita kkumi okuva e Yerusaalemi. † **9:7** Abakiivi Baava mu nsi y'e Mesopotamiya. Mu 2 Samwiri bayitibwa Abamoli.

19 Naye bo abakulembeze ne bakakata nti, “Twamala dda okwerayirira mu maaso ga MUKAMA Katonda wa Isirayiri, tetuyinza kubatta.

20 Tetuteekwa kubatta kubanga twalayira obutakikola, singa tukikola obusungu bwa Katonda bujja kutubuubuukirako.”

21 Abakulembeze b’Abayisirayiri ne bagamba nti, “Temubatta.” Bwe batyo ne bafuuka baakwasanga nku era n’okukimanga amazzi g’Abayisirayiri ng’abakulembeze bwe babalagira.

22 Yoswa n’ayita abantu abo n’ababuuza nti, “Naye lwaki mwatulimba nti muli b’ewala, so nga ate muli baliraanwa baffe?

23 Kale nno kaakano mukolimiddwa, munaabeeranga baddu, baakwasanga nku era n’okukimanga amazzi mu nnyumba ya Katonda wange.”

24 Yoswa ne bamuddamu nti, “Abaddu bo kino twakikola lwa kubanga twawulira nti, MUKAMA Katonda wo yalagira omuddu we Musa okubawa ensi eno era n’okuzikiriza bonna abagibeeramu, bwe tutyo ne tutya nnyo ne twagala okuwonya obulamu bwaffe kye kyatukozeseza ekintu kino.

25 Naye tuutuno kaakano tuli mu mukono gwo gw’omanyi eky’okutukolera.”

26 Bw’atyo Yoswa n’awonya abantu bano mu mukono gw’Abayisirayiri, ne batabatta.

27 Naye okuva olwo n’abafuula baakwasanga nku n’okukimiranga Abayisirayiri amazzi, era n’okuweerezanga ku kyoto kya MUKAMA mu kifo MUKAMA ky’anaalondanga okukiteekamu. Era bwe batyo bwe bakola ne leero.

# 10

*Abamoli Bawangulwa*

1 Adonizedeki kabaka wa Yerusaalemi bwe yawulira nga Yoswa awambye Ayi era ng’akizikiririzza ddala nga bwe yakola Yeriko ne kabaka waayo, era bwe yawulira nti abantu b’omu Gibyoni bakoze endagaano y’emirembe n’Abayisirayiri era nga kaakano babeera nabo,

2 Adonizedeki n’atya nnyo kubanga Gibyoni kyali kibuga gagadde ng’ebibuga bya bakabaka bwe byali, nga kisingira ddala Ayi ate nga n’abasajja baamu bakirimaanyi.

3 Bw’atyo Adonizedeki kabaka wa Yerusaalemi n’atumira bakabaka bano: Kokamu ow’e Kebbulooni, ne Piramu ow’e Yalamusi, ne Yafiya ow’e Lakisi ne Debiri ow’e Eguloni n’abagamba nti,

4 “Mujje munziruukirire tuzikirize ekibuga Gibyoni kubanga abantu baamu bakoze endagaano y’emirembe ne Yoswa n’Abayisirayiri.”

5 Bwe batyo bakabaka abataano Abamoli, n’ow’e Yerusaalemi, n’ow’e Kebbulooni, n’ow’e Yalamusi, n’ow’e Lakisi n’owe Eguloni ne beekobaana ne bayungula amaggye gaabwe ne bagakuluumulula ne balumba Gibyoni.

6 Abasajja b’omu Gibyoni ne batumira Yoswa mu lusiisira e Girugaali ne bamugamba nti, “Totulekulira basajja bo, yanguwako otudduukirire kubanga bakabaka bonna Abamoli ababeera eyo mu gasozi beekobaanye okututabaala.”*

7 Bw’atyo Yoswa n’ava e Girugaali n’abasajja be abalwanyi ba nnamige.

8 MUKAMA n’agamba Yoswa nti, “Tobatya kubanga bonna mbagabudde mu mukono gwo, teri n’omu ku bo anaalama.”

* **10:6** Endagaano eyo Yoswa gye yakola n’Abagibyoni yali etegeeza nga Yoswa bw’aliyamba Abagibyoni bwe baliba balumbiddwa.

9 Yoswa n'abasajja be ne bakeesa obudde nga batambula okuva e Girugaali ne balyoka bagwa ku b'Amoli ekiyiifuyiifu.
10 MUKAMA n'abaleetera okutya mu maaso g'Abayisirayiri ne babatta olutta lunene nnyo e Gibyoni ne babafubutula okubambusa e Besukolooni, ne bagenda nga babatta okuyitira ddala e Azeka okutuuka e Makkeda.
11 Bwe baali badduka Abayisirayiri nga bavuunuka Besukolooni, MUKAMA n'abasuulako amayinja amanene ag'omuzira okutuukira ddala mu Azeka; abaafa omuzira ne baba bangi okusinga n'abattibwa Abayisirayiri.

### *Enjuba Esikattira*

12 Yoswa n'agamba MUKAMA ku lunaku olwo Abayisirayiri lwe battirako Abamoli, nga n'Abayisirayiri bonna bawulira nti,
"Ggwe enjuba, yimirira butengerera waggulu wa Gibyoni,
naawe omwezi kola bw'otyo waggulu w'ekiwonvu Ayalooni."
13 Enjuba n'omwezi ne bikola nga bwe babiragidde
okutuusa Abayisirayiri lwe baamala okuseseggula abalabe baabwe.
Bino byonna byawandiikibwa mu kitabo kya Yasali.

Enjuba n'eyimirira butengerera ku ggulu n'eteva mu kifo okumala olunaku lulamba.
14 Tewali lunaku lwali lubadde nga luno, MUKAMA okuwulira omuntu obwenkaniddaawo; MUKAMA yalwanirira nnyo Isirayiri.
15 Oluvannyuma lw'ebyo Yoswa n'Abayisirayiri ne bakomawo ne basiisira e Girugaali.
16 Bakabaka bali abataano ne badduka ne beekukuma mu mpuku e Makkeda.
17 Ne bagamba Yoswa nti, "Bakabaka abataano bazuuliddwa, beekwese mu mpuku."
18 Yoswa n'alagira nti, "Muyiringise agayinja aganene mugateeke ku mumwa gw'empuku era mufuneeyo n'abasajja bagikuume;
19 naye mmwe abalwanyi temubeerawo wabula mugobe abalabe bammwe, temubaganya kuyingira mu bibuga byabwe, kubanga ebyo MUKAMA Katonda wammwe abibawadde."
20 Awo Yoswa n'Abayisirayiri bwe baamala okutta abalabe baabwe olutta ssinziggu olubamalirawo ddala, abo abaali basigaddewo baddukira mu bibuga ebiriko ebigo,
21 olwo abantu bonna ne bakomawo mirembe eri Yoswa mu lusiisira e Girugaali. Teri muntu yaddayo kwogerera Bayisirayiri mafuukuule.
22 Oluvannyuma Yoswa n'abagamba nti, "Mugguleewo omumwa gw'empuku mundeetere bakabaka abo abataano."
23 Ne bakola nga bwalagidde ne bamuleetera kabaka w'e Yerusaalemi, n'ow'e Kebbulooni, n'ow'e Yalamusi, n'ow'e Lakisi n'ow'e Eguloni.
24 Bwe baabamuleetera, Yoswa n'akoowoola Abayisirayiri bonna, n'alagira abaduumizi b'eggye abaali naye nti, "Musembere wano kumpi, mulinnye ku nsingo za bakabaka bano." Nabo ne basembera kumpi ne bakola nga bw'abalagidde.
25 Yoswa n'abagamba nti, "Temutya wadde okuterebuka, mube n'amaanyi era n'obuvumu kubanga eno y'engeri MUKAMA gy'anaakola abalabe bammwe be mulwana nabo."
26 Yoswa bwe yamala okwogera ebyo n'addira bakabaka bali n'abatta, emirambo gyabwe n'agiwanika buli gumu ku muti okutuusiza ddala akawungeezi.

27 Enjuba bwe yamala okugwa Yoswa n’alagira emirambo ne giwanulwa
ku miti ne gisuulibwa mu mpuku bakabaka bano mwe basooka ok-
wekukuma, ne bayiringisa agayinja aganene ne bagasaanikira ku mumwa
gw’empuku n’okutuusa kaakano amayinja ago gakyaliko.

### *Abamoli Bazikiririzibwa Ddala*

28 Ku lunaku olwo Yoswa n’alumba Makkeda n’akizikiriza ne kabaka
waayo n’amuttisa obwogi bw’ekitala, abaayo bonna n’abazikiriza, kye
yakola kabaka w’e Yeriko era kye yakola n’ow’e Makkeda.

29 Yoswa n’Abayisirayiri bonna ne bava e Makkeda, ne bagenda e Libuna
ne bakizinda,
30 era nakyo MUKAMA n’akibawanguza, n’atta abaakirimu bonna
n’obwogi bw’ekitala, tewali n’omu gwe yalekawo. Kye yakola kabaka we
Yeriko era kye yakola n’ow’e Libuna.

31 Yoswa n’Abayisirayiri ne bava e Libuna ne bazinda Lakisi, ne
bakyetooloola ne bakikuba.
32 Ku lunaku olwokubiri MUKAMA n’akibawanguza, ne bazikiriza
n’ekitala buli muntu yenna eyakirimu era nga bwe baakola e Libuna.
33 Kolamu kabaka w’e Gezeri n’agezaako okudduukirira Lakisi oyo naye
Yoswa n’amutta era n’atalekaawo yadde n’omu ku bantu be.

34 Yoswa n’Abayisirayiri bonna bwe baava e Lakisi ne bagenda e Eguloni,
ne bakyetooloola kyonna ne bakikuba.
35 Ku lunaku olwo lwennyini ne bazikiriza n’obwogi bw’ekitala buli
eyakirimu nga bwe baakola Lakisi.

36 Yoswa n’Abayisirayiri bonna ne bava mu Eguloni ne bazinda Kebbu-
looni,
37 ne bakikuba; ne bazikiriza n’ekitala abantu baayo bonna era ne
kabaka waabwe n’obubuga bwamu bwonna nga bwe baakola mu Eguloni.

38 Yoswa n’Abayisirayiri bonna ate ne bawetamu ne baddayo e Debiri
ne bakikuba.
39 Ne bakiwamba ne bazikiriza n’ekitala kabaka waakyo n’abantu
baakyo bonna n’obubuga bwakyo bwonna, era nga bwe baakola e
Kebbulooni ne Libuna bwe baakola ne Debiri.
40 Bw’atyo Yoswa n’awangula ensi eyo yonna ey’agasozi, n’ebiwonvu,
n’ensenyi ne bakabaka baayo bonna, tewali kiramu na kimu kye yaleka
nga MUKAMA Katonda wa Isirayiri bwe yamulagira.
41 Yoswa n’awangulira ddala okuva e Kadesubanea okutuuka e Gaaza
mu nsi yonna ey’e Goseni† okutuukira ddala e Gibyoni.
42 N’awamba bakabaka bano bonna n’ensi zaabwe mu lulumba lumu
lwokka kubanga MUKAMA Katonda wa Isirayiri yalwanirira Isirayiri.

43 Awo Yoswa n’Abayisirayiri bonna ne bakomawo mu lusiisira e
Girugaali.

## 11

1 Awo Yabini kabaka w’e Kazoli bwe yakimanya, n’atumya Yobabu
kabaka w’e Madoni n’eri kabaka w’e Simuloni n’eri kabaka w’e Akusafu,
2 ne bakabaka abaali mu bukiikakkono mu nsi ey’ensozi, ne mu Alaba
mu bukiikaddyo e Kinnerosi, ne mu nsenyi, ne mu nsozi ez’e Doli ku luuyi
olw’ebugwanjuba.

† **10:41** Goseni Si y’omu n’oli ow’omu nsi ey’e Misiri ku Mugga Kiyira.

3 N'atumya Abakanani ebuvanjuba n'ebugwanjuba, n'Abamoli, n'Abakiiti n'Abaperezi, n'Abayebusi mu nsi ey'ensozi, n'Abakiivi wansi wa Kerumooni mu nsi ey'e Mizupa.
4 Ne bajja, n'amaggye gaabwe gonna, nga bangi nnyo nga bali ng'omusenyu gw'ennyanja, era ne bajja n'embalaasi nnyingi nnyo n'amagaali mangi nnyo.
5 Awo bakabaka bano bonna ne beegatta ne bakuba olusiisira olwa awamu ku nzizi ez'e Meromu, balwanyise Isirayiri.

*Olutalo lwe Meromu*

6 Awo MUKAMA n'agamba Yoswa nti, "Tobatya kubanga obudde nga bwe buti enkya nzija kubawaayo bonna eri Isirayiri, bafumitibwe, battibwe, embalaasi muziteme enteega n'amagaali gookebwe."
7 Awo Yoswa n'abalwanyi be bonna ne balumba abalabe ku nzizi ez'e Meromu.
8 MUKAMA n'abawaayo mu mukono gwa Isirayiri ne babawangula ne babagobera ddala, okubatuusa mu Sidoni ekinene ne ku Misurefosumay-imu, ne ku kiwonvu kye Mizupa ebuvanjuba, ne babazikiririza ddala obutalekaawo n'omu.
9 Yoswa n'abakolako nga MUKAMA bwe yamulagira, embalaasi zaabwe nazitema enteega, n'amagaali gaabwe n'agookya omuliro.
10 Mu kiseera ekyo Yoswa n'addako emabega n'awamba Kazoli, kabaka waakyo n'amutta n'ekitala kubanga emabegako Kazoli kye kyali ekitebe ky'obwakabaka obwo bwonna.
11 Era ne batta buli muntu yenna eyakirimu ne watasigalawo n'omu ne Kazoli n'akyokya omuliro.
12 Yoswa n'awamba ebibuga ebyo byonna ne bakabaka baabyo, n'abatta n'ebitala n'abazikiririza ddala nga Musa omuweereza wa MUKAMA bwe yalagira.
13 Okuggyako Kazoli, ebibuga ebirala byonna ebyali bizimbiddwa ku bifunvu, Yoswa teyabyokya.
14 Abaana ba Isirayiri ne beetwalira omunyago gwonna ogw'ebibuga bino n'ente, era ne batta buli muntu yenna ne babazikiriza awatali kusigala n'omu assa omukka.
15 Nga MUKAMA bwe yalagira omuddu we Musa, bw'atyo Musa bwe yalagira Yoswa era ne Yoswa bwe yakola; talina kye yaleka takoze ku byonna MUKAMA bye yalagira Musa.
16 Bw'atyo Yoswa n'awangula ensi yonna, n'ensi ey'ensozi n'ey'obugwanjuba yonna, n'ekitundu kya Goseni kyonna, ensi ey'ensenyi ne Alaba, n'ensi yaayo yonna ey'ensenyi.
17 Okuva ku lusozi Kalaki, okulinnya okutuuka e Seyiri, n'okutuuka ku Baalugadi mu kiwonvu kya Lebanooni ekiri wansi w'olusozi Kerumooni ne bakabaka baayo bonna n'abawamba, n'abafumita, n'abatta.
18 Yoswa n'alumba n'alwana ne bakabaka abo bonna okumala ebbanga.
19 Tewali kibuga kyakola ndagaano ya mirembe n'abaana ba Isirayiri okuggyako Abakiivi abaali mu Gibyoni; byonna baabilwanyisa ne babi-wangula,
20 kubanga MUKAMA yennyini ye yakakanyaza emitima gyabwe balwane ne Isirayiri, alyoke abazikiririze ddala, abamalirewo ddala awatali kubak-watirwa kisa, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.
21 Mu kiseera ekyo Yoswa n'agenda n'azikiriza n'amalawo Abanaki mu nsi ey'ensozi, mu Kebbulooni, ne mu Debiri, ne mu Anabu, ne mu nsi

yonna ey'ensozi eya Yuda, ne mu nsi yonna ey'ensozi eya Isirayiri. Yoswa n'abazikiririza ddala, bonna n'ebibuga byabwe.

22 Tewali Banaki baasigalawo mu nsi y'abaana ba Isirayiri, okuggyako mu Gaza, ne mu Gaasi, ne mu Asudodi, mwe mwasigalako abamu.

23 Yoswa bw'atyo bwe yatwala ensi yonna nga MUKAMA bwe yalagira Musa, n'agiwa abaana ba Isirayiri okuba omugabo nga bwe yayawulibwa mu bika byabwe. Olwo ensi n'ewummula entalo.

# 12

*Bakabaka Abaawangulwa*

1 Bano be bakabaka b'ensi Abayisirayiri be baawangula era bannyini nsi Abayisirayiri gye baatwala eri ebuvanjuba bwa Yoludaani, okuva ku kiwonvu ekya Alunoni okutuuka ku lusozi Kerumooni, ne Alaba yonna ku luuyi olw'ebuvanjuba.

2 Sikoni kabaka w'Abamoli eyafuga mu Kesuboni, okuva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu ekya Alunoni, n'ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n'ekitundu ekya Gireyaadi, okutuuka ku mugga Yaboki, y'ensalo y'abaana ba Amoni; kino ng'ogasseeko n'ekitundu Gireyaadi,

3 ne Alaba okutuuka ku nnyanja Kinnerosi, ku luuyi olw'ebuvanjuba, ne ku Nnyanja ya Araba y'Ennyanja ey'Omunnyo ku luuyi olw'ebuvanjuba mu kkubo ery'e Besu Yesimosi, ne ku luuyi olw'obukiikaddyo wansi w'olusozi Pisuga,

4 ne ku nsalo ya Ogi kabaka w'e Basani, omu ku baasembayo ku ba Balefa eyafuganga mu Asutaloosi ne mu Ederei.

5 Era ye yali afuga olusozi Kerumooni ne Saleka ne Basani yenna okutuuka ku nsalo ey'Abagesuli, n'Abamaakasi, n'ekitundu kya Gireyaali, ensalo ya Sikoni kabaka we Kesuboni.

6 Musa omuweereza wa MUKAMA n'abaana ba Isirayiri babawangula, era ensi yaabwe Musa omuweereza wa MUKAMA n'agiwa Abalewubeeni, n'Abagaadi n'ekitundu ky'ekika kya Manase.

7 Bano be bakabaka b'ensi, Yoswa n'abaana ba Isirayiri be baawangula ku luuyi lw'ebugwanjuba olwa Yoludaani okuva ku Baalugadi mu kiwonvu kya Lebanooni okutuuka ku lusozi Kalaki okwambuka okutuuka e Seyiri. Yoswa yagiwa ebika bya Isirayiri bigigabane nga bwe byali byayawulwamu.

8 Mu nsi ey'ensozi, ne mu nsi ey'ensenyi ne mu Alaba ne ku bitundu ebya wansi ku nsozi, ne mu ddungu ne mu nsi ey'obugwanjuba mu Negevu, ensi ez'Abakiiti, n'Abamoli, n'Abakanani, n'Abaperezi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi.

| | |
|---|---|
| 9 Kabaka w'e Yeriko | omu, |
| ne kabaka w'e Ayi ekiriraanye Beseri | omu, |
| 10 ne kabaka w'e Yerusaalemi | omu, |
| ne kabaka w'e Kebbulooni | omu, |
| 11 ne kabaka w'e Yalamusi | omu, |
| ne kabaka w'e Lakisi | omu, |
| 12 n'ow'e Egulooni | omu, |
| n'ow'e Gezeri | omu, |
| 13 ne kabaka w'e Debiri | omu, |
| n'ow'e Gederi | omu, |
| 14 n'ow'e Koluma | omu, |
| n'ow'e Yaladi | omu, |
| 15 n'ow'e Libuna | omu, |
| n'ow'e Adulamu | omu, |
| 16 n'ow'e Makkeda | omu, |
| n'ow'e Beseri | omu, |
| 17 ne kabaka ow'e Tappua | omu, |
| n'owe Keferi | omu, |
| 18 n'ow'e Afeki omu n'ow'e Lasaloni | omu, |
| 19 n'ow'e Madoni | omu, |
| n'ow'e Kazoli | omu, |
| 20 ne kabaka w'e Simuloni Meroni | omu, |
| ne kabaka w'e Akusafu | omu, |
| 21 n'ow'e Taanaki | omu, |
| n'ow'e Megiddo | omu, |
| 22 n'ow'e Kedesi | omu, |
| ne kabaka w'e Yokuneamu ku Kalumeeri | omu, |
| 23 ne kabaka w'e Doli ku lusozi Doli | omu, |
| ne kabaka w'e Goyiyimu mu Girugaali* | omu, |
| 24 n'ow'e Tiruza | omu. |

Bonna awamu bakabaka amakumi asatu mu omu.

# 13

*Amawanga Agaali Tegannawangulwa*

1 Awo Yoswa* bwe yali ng'akaddiye ng'amaze emyaka mingi. MUKAMA
n'amugamba nti, "Okaddiye omaze emyaka mingi naye, wakyaliwo ensi
nnyingi nnyo ez'okuwangula.

2 "Zino z'ensi ezikyaliwo:

"ensi yonna ey'Abafirisuuti n'Abaseguli
3 okuva ku mugga Sikoli oguli ebuvanjuba wa Misiri, n'okwambukira
ddala ku nsalo y'e Ekuloni emanyiddwa nga ey'Abakanani, eriyo abafuzi

* **13:1** Yoswa yali wakati w'emyaka kyenda n'ekikumi, ate Kalebu ye ng'aweza emyaka kinaana mu etaano

bataano ab'Abafirisuuti, ow'e Gaza, n'ow'e Asudodi, n'ow'e Asukulooni, n'ow'e Gaasi n'ow'e Ekuloni awamu n'Abavi.
4 Okuva mu bukiikaddyo ensi yonna ey'Abakanani, ne Meyala ekya Basidoni, okutuuka ku Afiki, ku nsalo ey'Abamoli,
5 n'ensi y'Abagebali,
ne Lebanooni yonna, ne ku luuyi olw'ebuvanjuba, n'okuva ku Baalugadi wansi w'olusozi Kerumooni okutuuka w'oyingirira e Kamasi.

6 "N'abantu bonna ab'omu nsozi za Lebanooni okutuuka ku Misurefos-
umayima, be Basidoni bonna; nze kennyini ndibagoba mbaggye mu maaso g'abaana ba Isirayiri. Kakasa nti ensi eno ogigabira abaana ba Isirayiri nga bwe nakulagira.
7 Noolwekyo ojja kugigabanya ng'omugabo eri ebika omwenda era n'ekitundu ky'ekika kya Manase."

### *Ensi Ebuvanjuba bwa Yoludaani*

8 Ekitundu ekirala ekya Manase, n'Abalewubeeni n'Abagaadi ne baweebwa omugabo gwabwe, Musa bwe yabawa emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba nga Musa omuweereza wa MUKAMA bwe yabagabira.
9 Okuva ku Aloweri ekiri ku mabbali g'ekiwonvu ekya Alunoni, n'ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n'olusenyi lwonna olwa Medeba okutuuka ku Diboni;
10 n'ebibuga byonna ebya Sikoni kabaka w'Abamoli, eyafuga mu
Kesuboni, okutuuka ku nsalo y'abaana ba Amoni.
11 Era kyatwaliramu Gireyaadi, n'ekitundu ky'Abagesuli, n'Abamaakasi, n'olusozi lwonna Kerumooni ne Basani yonna okutuukira ddala ku Saleka.
12 Obwakabaka bwonna obwa Ogi mu Basani, eyali afuga mu Asutaloosi
ne mu Ederei, ye yali asigaddewo yekka ku Balefa, bwawangulwa Musa n'atwala ensi yaabwe.
13 Naye abaana ba Isirayiri tebaawangula Bagesuli wadde Abamaakasi,
bwe kityo Abagesuli n'Abamaakasi ne babeera wakati mu bo ne leero.

14 Ekika kya Leevi kyokka Musa ky'ataawa mugabo, ebiweebwayo ebyokebwa n'omuliro eri MUKAMA Katonda wa Isirayiri, gwe mugabo gwe nga bwe yamugamba.

### *Ensi ya Lewubeeni*

15 Musa yagabira ekika ky'abaana ba Lewubeeni ng'enju zaabwe bwe zaali:
16 Ensalo yaabwe ng'eva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu eky'Alunoni, n'ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n'olusenyi lwonna oluliraanye Medeba,
17 ne Kesuboni, n'ebibuga byakyo byonna ebiri mu lusenyi, ne Diboni
ne Bamosi Baali, ne Besubaalumyoni;
18 ne Yakazi, ne Kedemosi, ne Mefaasi;
19 ne Kiriyasayimu, ne Sibuma, ne Zeresusakali ku lusozi olw'Ekiwonvu,
20 ne Besupyoli ne Pisuga awayambukirwa ku lusozi, ne Besu Yesimosi,
21 n'ebibuga byonna eby'omu lusenyi, n'obwakabaka bwonna obwa
Sikoni kabaka w'Abamoli, eyafugira mu Kesuboni, Musa gwe yawangula awamu n'abaami abaali bafuga ab'e Midiyaani, eri ne Lekemu, ne Zuuli, ne Kuli ne Leba, n'abalangira ba Sikoni abaabeeranga mu nsi.

22 Era ne mu abo be batta n'ekitala, abaana ba Isirayiri battiramu
n'omulaguzi Balamu omwana wa Byoli.
23 Era n'ensalo y'abaana ba Lewubeeni yali omugga Yoludaani. Ebibuga
n'ebyalo byamu Musa yabiwa abaana ba Lewubeeni okuba omugabo
gwabwe.

### *Ensi y'Abagaadi*

24 Musa yagabira ekika kya Gaadi omugabo ng'enju zaabwe bwe
zaali:
25 Ettaka lyabwe lyali Yazeri, n'ebibuga byonna ebya Gireyaadi,
n'ekitundu ky'ensi y'abaana ba Amoni, okutuuka ku Aloweri okumpi
ne Labba,
26 n'okuva e Kesuboni okutuuka ku Lamasumizupe, ne Betonimu, era
n'okuva ku Makanayimu okutuuka mu nsi y'e Debiri,
27 ne mu kiwonvu, Besukalamu, ne Besu Nimira, ne Sukkosi, ne
Zafoni, n'ekitundu ekyasigalawo ekyobwakabaka bwa Sikoni kabaka ow'e
Kesuboni, Yoludaani n'ensalo yaagwo, okutuuka ku lubalama lw'ennyanja
ey'e Kinneresi emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba.
28 Eyo y'ensi eyafuuka omugabo gw'abaana ba Gaadi ng'enju
zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byamu.

### *Ensi y'Abamanase*

29 Musa n'awa ekitundu ky'ekika kya Manase omugabo gwabwe,
abaana ba Manase ne bagabirwa omugabo ng'enju zaabwe bwe
zaali.
30 N'ensalo yaabwe ng'eya Makanayimu, n'eyita mu Basani
n'obwakabaka bwonna obwa Ogi kabaka w'e Basani, n'ebibuga
ebya Yayiri, ebiri mu Basani ebibuga nkaaga;
31 n'ekitundu ekimu ekya Gireyaadi ne Asutaloosi, ne Ederei, ebibuga
eby'obwakabaka bwa Ogi mu Basani byali b'abaana ba Makiri omwana
wa Manase, ekitundu eky'abaana ba Makiri ng'enju zaabwe bwe zaali.

32 Ogwo gwe mugabo Musa gwe yagaba mu nsenyi eza Mowaabu,
emitala wa Yoludaani ebuvanjuba bwa Yeriko.
33 Naye ekika kya Leevi Musa teyakiwa mugabo. MUKAMA
Katonda wa Isirayiri, ye mugabo gwabwe gwe yabawa, nga MUKAMA bwe
yabasuubiza.

## 14

### *Okugabanya ensi ebuvanjuba bwa Yoludaani*

1 Bino by'ebitundu Abayisirayiri bye baafuna ng'omugabo mu nsi y'e
Kanani, Eriyazaali* kabona, ne Yoswa, omwana wa Nuuni, n'emitwe
gy'ennyumba eza bakitaabwe ez'ebika by'abaana ba Isirayiri bye
baabagabira.
2 Emigabo baagifunanga nga bakuba kalulu nga MUKAMA bwe yalagira
Musa olw'ebika omwenda n'ekitundu,
3 kubanga Musa yali agabidde ebika ebibiri n'ekitundu omugabo
gwabwe emitala wa Yoludaani, naye Abaleevi bo teyabagabira;

* **14:1** Eriyazaali Yali mutabani wa Alooni.

4 kubanga abaana ba Yusufu baali bafuuse ebika bibiri, Manase ne Efulayimu†, bo Abaleevi ne bataweebwa mugabo gwonna mu nsi, wabula ebibuga byokka eby'okubeeramu, n'ensiko ey'okulundiramu ebisibo byabwe n'ebintu byabwe.
5 Abantu ba Isirayiri ne bagabana ensi nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

### *Kalebu Afuna Kebbulooni*

6 Abantu ba Yuda ne balyoka bajja eri Yoswa e Girugaali, ne Kalebu omwana wa Yefune Omukenizi n'amugamba nti, "Omanyi MUKAMA kye yayogera ne Musa omusajja wa Katonda e Kadesubanea ekikwata ku ggwe nange.
7 Nalina emyaka amakumi ana, Musa omuweereza wa MUKAMA bwe yantuma okuva e Kadesubanea okuketta ensi, era namuleteera ekigambo nga bwe kyali mu mutima gwange.
8 Naye baganda bange be nnali nabo ne baleteera emitima gy'abantu okuggwaamu amaanyi olw'okutya, wabula nze nagoberera MUKAMA Katonda wange n'omutima gwange gwonna.
9 Era Musa yandayirira nti, 'Ensi ebigere byo kwe biririnnya, mugabo gwo n'abaana bo emirembe gyonna, kubanga ogoberedde MUKAMA Katonda wange n'omutima gwo gwonna.'
10 "Era kaakano MUKAMA ampangaazizza nga bwe yayogera emyaka gino amakumi ana okuva lwe yakigamba Musa, nga Isirayiri etambula mu ddungu. Era laba kaakano ndi wa myaka kinaana!
11 Nkyalina amaanyi leero nga ge nalina Musa bwe yantuma, amaanyi ge nnina leero galinga ge nalina mu kulwana, mu kufuluma ne mu kuyingira.
12 Kale noolwekyo mpa olusozi luno, MUKAMA lwe yayogera ku lunaku luli, kubanga wawulira ku olwo ng'Abanaki kwe baali n'ebibuga ebinene ebiriko enkomera. MUKAMA nga ye mubeezi wange, nnaabagoba nga MUKAMA bwe yayogera."
13 Yoswa n'amusabira omukisa n'awa Kalebu omwana wa Yefune Omukenezi Kebbulooni okuba omugabo gwe.
14 Olusozi Kebbulooni ne lufuuka lwa Kalebu mutabani wa Yefune ne leero, kubanga yagoberera ddala MUKAMA Katonda wa Isirayiri.
15 Kebbulooni edda kyayitibwanga Kiriasualuba era Aluba ye yali omukulu asingayo mu Banaki.
Olwo ensi n'eryoka ewummula n'etebaamu ntalo.

## 15

### *Ensalo za Yuda*

1 Omugabo gw'abaana ba Yuda ng'enju zaabwe bwe zaali bwe baakuba akalulu, baaweebwa ekitundu okutuuka ku nsalo ya Edomu, ku lukoola lwa Zini, ku nkomerero y'oluuyi olw'obukiikaddyo.

2 N'ensalo yaabwe ey'oluuyi olwo okuva ku Nnyanja ey'Omunnyo w'eva, ku kikono ekitunudde mu bukiikaddyo;
3 n'esala wansi w'ekkubo eririnnya ku Akkulabimu n'eyita okutuuka ku Zini n'erinnya okuyita wansi wa Kadesubanea, n'eyita kumpi ne Kezulooni, n'erinnya ku Addali, n'ekyamira ku Kaluka;

† **14:4** Manase ne Efulayimu Yakobo yali yeetwalidde abaana ba Yusufu okuba ababe (Lub 48:5). Noolwekyo baali bateekwa okugabana ku by'obusika ng'abaana abalala bonna aba Yakobo.

4 n'eyita ku Azumoni n'ekoma ku mugga ogw'e Misiri, n'eryoka esibira ku nnyanja. Eno ye yali ensalo yaabwe ey'obukiikaddyo.

5 N'ensalo yaabwe ey'obuvanjuba yali nnyanja ey'obukiikakkono. Kyali kikono kya Yoludaani we guyiyira ku Nnyanja ey'Omunnyo.

N'ensalo ey'obukiikakkono kyali kikono kya nnyanja Yoludaani we guyiyiramu.

6 N'eyambuka n'eyita ku Besukogula n'eyita ku luuyi lw'ebuvanjuba bwa Besualaba n'eyambuka okutuuka ku jjinja lya Bokani omwana wa Lewubeeni.
7 Era n'erinnya ku Debiri okuva mu kiwonvu Akoli, n'egenda ku luuyi olw'obukiikakkono, n'edda e Girugaali emitala w'ekkubo eryambuka ku Adummimu, ekiri emitala w'omugga mu bukiikaddyo, n'etuuka ku nsalo ku mazzi ag'e Ensemesi, n'esala n'ekoma ku Enerogeri. Awo n'eryoka eyita ku kiwonvu kya Kinomu ku luuyi lw'ebugwanjuba ekyali ku nkomerero ey'ekiwonvu kya Lefayimu ku luuyi olw'obukiikakkono.
8 Awo n'eryoka eva ku kiwonvu ky'omwana wa Kinomu n'etuuka ku njegoyego za Yebusi ku luuyi olw'obukiikaddyo ye Yerusaalemi, ne yeeyongera ku ntikko y'olusozi oluli w'okkira mu kiwonvu kya Kinomu ku luuyi olw'ebugwanjuba, ku nkomerero y'ekiwonvu kya Lefayimu mu bukiikakkono;
9 ne yeeyongera okuva ku ntikko y'olusozi n'etuuka ku luzzi olw'amazzi ga Nefutoa, ne yeeyongerayo n'etuuka ku bibuga eby'oku lusozi Efuloni, n'etuuka ku Baala, ye Kiriyasuyalimu,
10 n'ewetamu okuva e Baala ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku lusozi Sayiri n'eyita n'etuuka ku mabbali g'olusozi Yealimu ku luuyi olw'omu bukiikakkono, ye Kyesaloni, n'ekka ku Besusemesi, n'eyita ku Timuna,
11 n'egenda ku mabbali ag'e Ekuloni mu bukiikakkono, n'ekka ku Sikkeroni n'etuuka ku lusozi Baala, n'ekoma ku Yabuneeri, ne ku nnyanja.
12 Ensalo ey'ebugwanjuba yali Ennyanja Ennene n'olubalama lwayo.

Eyo ye yali ensalo y'abaana ba Yuda ku njuyi zonna ng'enju zaabwe bwe zaali.

### *Omugabo gwa Kalebu*

13 Yoswa n'awa Kalebu omwana wa Yefune omugabo mu baana ba Yuda Kiriasualuba, ye Kebbulooni, ng'ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali. Aluba ye yali kitaawe wa Anaki.
14 Kalebu n'agobamu abaana abasatu aba Anaki: Sesayi ne Akimaani, ne Talumaayi, abaana ba Anaki.
15 N'ava eyo n'alumba abaali mu Debiri, edda eyayitibwanga Kiriasuseferi.
16 Kalebu n'agamba nti, “Anaakuba Kiriasuseferi n'akiwamba ndimuwa muwala wange Akusa amuwase.”
17 Osunieri omwana wa Kenazi, muganda wa Kalebu, n'akikuba, Kalebu n'amuwa Akusa muwala we amuwase.
18 Awo bwe yajja gy'ali, n'amugamba asabe kitaawe ennimiro. Bwe yava ku ndogoyi ye, Kalebu n'amubuuza nti, “Kiki kyoyagala nkukolere?”
19 N'addamu nti, “Nsaba onnyambe nga bwe wampa ettaka mu Negebu, ompe n'ensulo z'amazzi.” Kalebu n'amuwa ensulo ez'engulu n'ez'emmanga.

### *Omugabo gwa Yuda*

20 Guno gwe mugabo gw'ekika ky'abaana ba Yuda ng'enju zaabwe bwe zaali.

21 Ebibuga ebyali bisemberayo ddala mu bukiikaddyo mu Negebu eri ensalo ya Edomu byali,
Kabuzeeri, n'e Ederei n'e Yaguli,
22 n'e Kina n'e Dimona, n'e Adada,
23 n'e Kedesi, n'e Kazoli, n'e Isunani,
24 n'e Zifu, n'e Teremu n'e Beyaloosi,
25 n'e Kazolukadatta, n'e Keriosukezulooni, ye Kazoli,
26 n'e Amamu n'e Sema, n'e Molada,
27 n'e Kazalugadda n'e Kesuboni, n'e Besupereti
28 n'e Kazalusuwali, n'e Beeruseba n'e Biziosia
29 n'e Baala n'e Yimu, n'e Ezemu,
30 n'e Erutoladi n'e Kyesiri n'e Koluma,
31 n'e Zikulagi, n'e Madumanna, n'e Samusanna,
32 n'e Lebaosi, n'e Sirukimu, n'e Ayini, n'e Limmoni. Ebibuga byonna
awamu amakumi abiri mu mwenda, n'ebyalo byabyo.
33 Era ne mu nsi ey'ensenyi Esutaoli, n'e Zola, n'e Asuna,
34 n'e Zanowa n'e Engannimu, n'e Tappua, n'e Enamu,
35 n'e Yalamusi n'e Adulamu, n'e Soko, n'e Azeka
36 n'e Saalayimu, n'e Adisaimu, n'e Gedera, n'e Gederosaimu, ebibuga
kkumi na bina n'ebyalo byabyo.
37 Zenani, n'e Kadasa, n'e Migudalugadi,
38 n'e Dirani, n'e Mizupe, n'e Yokuseeri,
39 n'e Lakisi, n'e Bozukasi, n'e Eguloni,
40 n'e Kabboni, n'e Lamamu, n'e Kitulisi,
41 n'e Gederosi, Besudagoni, n'e Naama, n'e Makkeda, ebibuga kkumi
na mukaaga n'ebyalo byabyo.
42 Libuna n'e Eseri, n'e Asani,
43 n'e Ifuta n'e Asuna, n'e Nezibu,
44 n'e Keira, n'e Akuzibu, n'e Malesa, ebibuga mwenda n'ebyalo
byabyo.
45 Ekuloni n'ebibuga byamu n'ebyalo byakyo,
46 okuva ku Ekuloni okutuuka ku nnyanja, ebibuga byonna ebiri-
raanye Asudodi n'ebyalo byabyo;
47 Asudodi, ebibuga byakyo n'ebyalo byakyo; Gaza, ebibuga byakyo
n'ebyalo byakyo okutuuka ku mugga ogw'e Misiri, n'ennyanja ennene,
n'ensalo yaayo.

48 Ne mu nsi ey'ensozi,
Samiri, n'e Yattiri, n'e Soko,
49 ne Danna, ne Kiriasusanna, ye Debiri,
50 ne Anabu, n'e Esutemoa, n'e Animu,
51 n'e Goseni, n'e Koloni, n'e Giro, ebibuga kkumi na kimu n'ebyalo
byabyo.
52 Alabu, n'e Duma, n'e Esani,
53 n'e Yanimu, n'e Besutappua, n'e Afeka,
54 n'e Kumuta n'e Kiriasualuba, ye Kebbulooni, n'e Zioli ebibuga
mwenda n'ebyalo byabyo.
55 Mawoni, n'e Kalumeeri, n'e Zifu, n'e Yuta,

56 n’e Yezuleeri, n’e Yokudeamu, n’e Zanoa,
57 Kaini, n’e Gibea, n’e Timuna, ebibuga kkumi n’ebyalo byabyo.
58 Kalukuli, Besuzuli, n’e Gedoli;
59 n’e Maalasi, n’e Besuanosi, n’e Erutekoni, ebibuga mukaaga n’ebyalo byabyo.
60 Kiriasubaali, ye Kiriyasuyalimu, n’e Laaba ebibuga bibiri n’ebyalo byabyo.
61 Mu ddungu:
Besualaba, n’e Middini, n’e Sekaka,
62 n’e Nibusani, n’ekibuga eky’omunnyo, n’e Engedi, ebibuga mukaaga n’ebyalo byabyo.

63 Abayebusi, be baali mu Yerusaalemi abaana ba Yuda ne batayinza kubagobamu; Abayebusi ne babeera wamu n’abaana ba Yuda mu Yerusaalemi n’okutuusa kaakano.

# 16

*Omugabo gwa Yusufu, Efulayimu ne Manase*

1 N’omugabo gw’ettaka ly’abaana ba Yusufu ne guva ku Yoludaani awali Yeriko ku ludda olw’ebuvanjuba olw’amazzi g’e Yeriko, okutuuka mu ddungu, n’erinnya okuva e Yeriko n’eyita mu nsi ey’ensozi n’etuuka e Beseri
2 N’eyita e Beseri okutuuka e Eruzi n’okuyita ku nsalo ey’Abaluki mu Atalosi
3 n’okukka ku luuyi olw’ebugwanjuba ku nsalo ey’Abayafuleti ku nsalo ey’e Besukolooni eky’emmanga ku Gezeri n’ekoma ku nnyanja.

4 Bwe batyo abaana ba Yusufu: Manase ne Efulayimu ne batwala omugabo gwabwe.

*Omugabo gw’abaana ba Efulayimu*

5 Ettaka ly’abaana ba Efulayimu ng’enju zaabwe bwe zaali eno gye lyayitanga;
ku luuyi olw’ebuvanjuba ku Atalosuaddali n’okutuuka ku Besukolooni ey’Ekyengulu,
6 ne yeeyongera ku nnyanja ne ku Mikumesasi mu bukiikakkono ne yeetooloola ku luuyi olw’ebuvanjuba ku Taanasi Siiro, n’olwebuvanjuba olw’e Yanoa,
7 n’ekka ku Atalosi ne ku Naala n’ekwata ku Yeriko n’etuuka ku Yoludaani.
8 N’eva ku Tappua n’eyita ku luuyi olw’ebugwanjuba n’etuuka ku mugga Kana n’ekoma ku nnyanja. Bino bye bitundu ekika ky’abaana ba Efulayimu bye baagabana ng’enju zaabwe bwe zaali.
9 Ku bino kwaliko ebibuga n’ebyalo byakwo byonna ebyaterekerwa abaana ba Efulayimu abaali mu kitundu kya Manase ebibuga byonna n’ebyalo byabwe.

10 Wabula tebaagoba Bakanani abaali mu Gezeri, baasigala wakati mu Efulayimu n’okutuusa leero nga balimu ng’abaddu nga bakola.

# 17

*Omugabo gwa Manase*

[1] Omugabo ne guweebwa ekika kya Manase kubanga ye yali omubereberye owa Yusufu. Makiri omubereberye wa Manase era kitaawe wa Gireyaadi yaweebwa Gireyaadi ne Basani, era yali mulwanyi muzira.
[2] Era emigabo ne giweeba abaana ba Manase abalala nga bwe baali bazaalibwa mu buli maka. Omugabo gw'abaana ba Abiyezeeri, n'ogw'abaana ba Kereki n'abaana ba Asuliyeri n'ogw'abaana ba Sekemu, n'ogw'abaana ba Keferi, n'ogw'abaana ba Semida be baana bonna aboobulenzi aba Manase omwana wa Yusufu ng'amaka mwe baazaalibwa bwe gaali.
[3] Naye Zerofekadi mutabani wa Keferi mutabani wa Gireyaadi mutabani wa Manase teyazaala baana balenzi wabula bawala bokka era baali bayitibwa Maala ne Noowa, ne Kogula, ne Mirika ne Tiruza.
[4] Bano baagenda eri Eriyazaali kabona ne Yoswa omwana wa Nuuni n'abakulu ne babagamba nti, "MUKAMA yalagira Musa okutuwa omugabo nga baganda baffe." Yoswa kyeyava abawa ettaka nga MUKAMA bwe yalagira. Yabawa omugabo mu baganda bakitaabwe.
[5] Bw'atyo Manase n'afuna ebitundu kkumi ng'oggyeko ensi ya Gireyaadi ne Basani ebiri emitala wa Yoludaani,
[6] kubanga abaana ba Manase abawala baafuna omugabo ng'abaana be abalenzi. Ensi ya Gireyaadi yaweebwa abaana ba Manase abaali basigaddewo ne bagitwala.
[7] N'ensalo ya Manase yava ku Aseri n'etuuka ku Mikumesasi ebuvanjuba bwa Sekemu, n'eyita ku bukiikaddyo n'ekka n'etwaliramu abantu abaali mu Entappua.
[8] Ensi ya Tappua Manase n'agitwala wabula Tappua ekibuga ekyali ku nsalo ya Manase abaana ba Efulayimu be baakigabana.
[9] Ensalo n'ekka n'etuuka ku kagga Kana ku luuyi mu bukiikakkono obw'omugga. Bino bye bibuga bya Efulayimu ebiri mu bibuga bya Manase, naye ensalo ya Manase yali mu bukiikakkono obwa kagga n'ekoma ku nnyanja.
[10] Efulayimu n'atwala oluuyi olw'omu bukiikaddyo ne Manase n'atwala oluuyi olw'omu bukiikakkono n'ensalo ye n'ekoma ku nnyanja mu bukiikakkono n'etuuka ku Aseri ate ebuvanjuba n'etuuka ku Isakaali.
[11] Mu nsi ya Isakaali n'eya Aseri, Manase n'atwala Besuseani n'ebibuga byakyo ne Ibuleamu n'ebibuga byakyo n'abaali mu Endoli n'ebibuga byakyo n'abaali mu Doli n'abaali mu Taanaki n'ebibuga byakyo, n'abaali mu Megiddo n'ebibuga byakyo z'ensozi essatu.

[12] Naye abaana ba Manase tebasobola kugobamu Bakanani kubanga baali bamaliridde okusigala mu nsi eyo.
[13] Naye abaana ba Isirayiri bwe beeyongera amaanyi ne bafuula Abakanani abaddu baabwe ab'okubakozesanga emirimu, ne batabeegoberako ddala.

### *Okwemulugunya kw'Abaana ba Yusufu*

[14] Abaana ba Yusufu* ne boogera ne Yoswa nti, "Lwaki ffe otuwadde omugabo gumu n'ekitundu kimu ate nga tuli kika kinene? MUKAMA atuwadde nnyo omukisa."
[15] Yoswa n'abagamba nti, "Obanga muli kika kinene mugende mu nsi y'Abaperezi n'ey'Abalefa mwesaayire ekibira, ensi ey'ensozi eya Efulayimu nga bwe tebamala."

* **17:14** Abaana ba Yusufu aboogerebwako wano b'ebika bya Efulayimu ne Manase.

16 Abaana ba Yusufu ne bagamba nti, “Ensi ey’ensozi tetumala; ate nga Abakanani bonna abali mu nsi ey’ekiwonvu n’abali mu Besuseani n’ebibuga byakyo era n’abali mu kiwonvu eky’e Yezuleeri balina amagaali ag’ebyuma.”
17 Yoswa n’ayogera eri ennyumba ya Yusufu, n’eya Efulayimu n’eya Manase nti, “Muli kika kinene era mulina amaanyi mangi temuliba na mugabo gumu gwokka,
18 naye ensi ey’ensozi eribeera yammwe, newaakubadde nga ya kibira mulikisaawa okutuuka gye kikoma, kubanga muligobamu Abakanani newaakubadde nga balina amagaali ag’ebyuma era nga baamaanyi.”

# 18

### *Okugabana Ettaka eryali Lisigaddewo*

1 Ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri ne bakuŋŋaanira mu Siiro*
ne basimba eyo Eweema ey’Okukuŋŋaanirangamu. Ensi yali mu mikono gyabwe,
2 wabula waali wakyaliwo ebika musanvu ebya Isirayiri ebyali tebinnafuna mugabo gwabyo.
3 Yoswa n’agamba abaana ba Isirayiri nti, “Mulituusa ddi okulinda nga temunnafuna mugabo MUKAMA Katonda wa bajjajjammwe gwe yabawa?
4 Mulonde abantu basatu mu buli kika mbatume bayite mu nsi bagyetegereze, ng’emigabo gyabwe bwe giri era bawandiike ng’emigabo gyabwe bwe giri bakomewo bantegeeze.
5 Baligigabanyaamu ebitundu musanvu Yuda esigale mu bitundu byayo mu bukiikaddyo n’ennyumba ya Yusufu mu bitundu byayo mu bukiikakkono.
6 Nga mumaze okugabanya ensi mu bitundu musanvu mundeetere bye muwandiise mbakubire obululu mu maaso ga MUKAMA Katonda waffe.
7 Abaleevi tebalina mugabo mu mmwe kubanga obwakabona bwa MUKAMA gwe mugabo gwabwe, ne Gaadi, ne Lewubeeni n’ekitundu eky’ekika kya Manase bo baamala okuweebwa omugabo gwabwe emitala wa Yoludaani ku luuyi olw’ebuvanjuba, Musa omuweereza wa MUKAMA gwe yabawa.”
8 Abantu ne bagenda okulaba ensi bw’efaanana, Yoswa n’alagira be baali batumye nti, “Mugende mutambuletambule mu nsi mugyetegereze bw’efaanana, mukomewo mbakubire obululu wano mu maaso ga MUKAMA e Siiro.”
9 Awo ne bagenda ne bayita mu nsi, ne bawandiika ebitundu musanvu ebifa ku bibuga mu kitabo, ne bakomawo ewa Yoswa mu lusiisira e Siiro.
10 Awo Yoswa n’abakubira obululu mu Siiro mu maaso ga MUKAMA n’agabanyiza abaana ba Isirayiri ensi ng’ebitundu byabwe bwe byali.

### *Omugabo gwa Benyamini*

11 Awo akalulu k’ekika kya Benyamini, okusinziira ku nnyumba mwe bazaalibwa, ne katuuka era omugabo gwe baafuna ne guba mu makkati g’abaana ba Yuda n’abaana ba Yusufu.

---

* **18:1** Siiro Kyali kilomita ng’amakumi ana okuva e Yerusaalemi. Kyali kifuuse kibuga kya byabufuzi ate nga ky’ekifo ekikulu awasinzibwa mu Isirayiri. Eweema ya MUKAMA yasigala mu Siiro okutuusa mu biro bya Samwiri (1Sa 4:1-11) lwe yaggyibwayo n’etwalibwa e Gibyoni (1By 21:29).

12 Ku luuyi olw'obukiikakkono ensalo yaabwe ne tandikira ku Yoludaani ne yeeyongera ku njegoyego z'obukiikakkono bwa Yeriko n'eyambuka mu nsi ey'ensozi ebugwanjuba n'ekomekkereza mu ddungu ly'e Besaveni.

13 Ensalo n'esala okuva mu bukiikaddyo n'etuuka e Luzi ye Beseri
ne yeeyongera mu bukiikaddyo e Atalosuaddali kumpi n'olusozi oluli
wammanga mu bukiikaddyo obwa Besukolooni.

14 Ensalo ne yeeyongerayo okuva ku lusozi olutunuulidde Besukolooni n'eraga ku bukiikaddyo n'edda ebuvanjuba n'etuuka e Kiriasubaali, ye Kiriyasuyalimu, kye kibuga ky'abaana ba Yuda. Olwo lwe luuyi olw'ebugwanjuba.

15 Oluuyi olw'obukiikaddyo lwatandikira ku njegoyego za Kiriyasuyalimu gye kikoma n'edda ebuvanjuba, ensalo ne yeeyongerayo ku nsulo ez'amazzi aga Nefutoa.

16 Ate era ensalo n'ekkirira olusozi we lukoma, olutunudde mu kiwonvu
kya mutabani wa Kinomu ekiri mu bukiikakkono lw'ekiwonvu kya Lefa,
n'ekkirira mu kiwonvu kya Kinomu ekiri mu bukiikaddyo bw'ekibuga
Yebusi, n'ekka ku Enerogeri.

17 N'eryoka yeebungulula ng'eva mu bukiikakkono n'etuuka ku En-
somesi ne yeeyongerayo e Gerirosi ekitunuulidde ekkubo eryambuka
okugenda Adummiru n'eyita n'etuuka ku jjinja lya Bokani mutabani wa
Lewubeeni,

18 ne yeeyongerayo mu bukiikakkono ku luuyi lwa Besi Alaba okutuuka
ku Alaba,

19 ne yeeyongerayo mu bukiikakkono obwa Besukogula bw'etyo ensalo
n'ekoma ku bukiikakkono bw'Ennyanja ey'Omunnyo mu bukiikaddyo
bw'omugga Yoludaani. Eyo y'ensalo ey'oku bukiikaddyo.

20 Yoludaani ye yali ensalo ku luuyi olw'ebuvanjuba. Guno gwe gwali omugabo gw'ekika kya Benyamini ng'enju bwe zaali, ng'ensalo bwe zaali era ng'enju zaabwe bwe zaali.

21 Kale nno ebibuga by'ekika ky'abaana ba Benyamini ng'enju zaabwe bwe zaali byali:

Yeriko ne Besukogula ne Emekkezizi,

22 ne Besualaba ne Zemalayimu ne Beseri,

23 ne Avvimu ne Pala ne Ofula,

24 ne Kefalamoni ne Ofuni ne Geba ebibuga kkumi na bibiri n'ebyalo
byabyo.

25 Gibyoni ne Laama ne Beerosi,

26 ne Mizupe ne Kefira ne Moza,

27 ne Lekemu ne Irupeeri ne Talala,

28 ne Zeera, Erefu n'Omuyebusi, ye Yerusaalemi, ne Gibeasi ne Kiriasi
ebibuga kkumi na bina n'ebyalo byabyo.

Ogwo gwe gwali omugabo ogw'abaana ba Benyamini ng'enju zaabwe bwe zaali.

# 19

*Omugabo gwa Simyoni*

1 N'akalulu akookubiri kaagwa ku Simyoni, kye kika ky'abaana ba Simyoni ng'ennyumba zaabwe bwe zaali n'omugabo gwabwe bwe gwali mu makkati g'omugabo gw'ekika kya Yuda.

2 Kyali kitwaliramu

Beeruseba, oba Seba, ne Molada,
3 ne Kazalusuwali ne Bala, ne Ezemu,
4 ne Erutoladi ne Besuli, ne Koluma,
5 ne Zikulagi ne Besumalukabosi, ne Kazalususa
6 ne Besulebaosi ne Salukeni ebibuga kkumi na bisatu n'ebyalo byabyo.
7 Ayini ne Limmoni ne Eseri, ne Asani ebibuga bina n'ebyalo byabyo,
8 n'ebyalo byonna ebyetoolodde ebibuga ebyo okutuuka ku Baala-subeeri, ye Laama ekiri mu bukiikaddyo.

Ebyo bye bitundu abaana ba Simyoni bye baagabana ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

9 Ettaka abaana ba Simyoni lye baagabana lyali wamu n'ery'abaana ba Yuda. Kubanga omugabo gw'abaana ba Yuda gwaba-sukkirira obunene; abaana ba Simyoni kyebaava bagabana wakati mu bitundu by'omugabo gwabwe.

### *Ensi ya Zebbulooni*

10 Akakulu akookusatu ne kagwa ku kika kya Zebbulooni, ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

Era n'omugabo gwabwe ne gutuukira ddala ku Salidi.
11 Ensalo yaabwe n'eraga ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka e Malala, n'etuuka n'e Dabbesesi; ng'egendera ku kagga akali ku buvanjuba bwa Yokuneamu.
12 Okuva ebuvanjuba wa Salidi ne yeeyongerayo enjuba gy'eva ng'egendera ku nsalo y'e Kisulosutaboli, ne Daberasi, ne yeebalama Yafiya.
13 Okuva eyo n'edda ebuvanjuba e Gasukeferi, okudda e Esukazini; ne yeeyongerayo e Limmoni, n'edda ku luuyi oluliko Nea.
14 Ne yeebungulula mu bukiikakkono n'etuuka ku Kannasoni n'ekoma mu Kiwonvu kya Ifutakeri;
15 ne Kattasi, ne Nakalali, ne Simuloni, ne Idala, ne Besirekemu*, ebibuga kkumi na bibiri, n'ebyalo byabyo.

16 Ogwo gwe mugabo gw'abaana ba Zebbulooni ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, ebibuga ebyo n'ebyalo byabyo.

### *Omugabo gwa Isakaali*

17 Akalulu akookuna ne kagwa ku Isakaali, lye zadde lya Isakaali ng'ennyumba zaabwe bwe zaali:

18 Omugabo gwabwe gwalimu
Yezuleeri ne Kesulosi ne Sunemu,
19 ne Kafalaimu ne Sioni ne Anakalasi,
20 ne Labbisi ne Kisioni ne Ebezi,
21 ne Lemesi ne Engannimu ne Enkadda ne Besupazzezi.
22 Ensalo n'ekwata ku Taboli ne Sakazuma ne Besusemesi n'ekoma ku mugga Yoludaani.
Ebibuga byonna awamu byali kkumi na mukaaga n'ebyalo byabyo.

23 Ogwo gwe mugabo gw'ekika ky'abaana ba Isakaali ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byabyo.

### *Omugabo gwa Aseri*

24 N'akalulu akookutaano ne kagwa ku kika ky'abaana ba Aseri ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

25 Ekitundu kyabwe kyalimu

---

* **19:15** Besirekemu Ekyogerwako wano si kyekimu ne Besirekemu ekya Yuda (1Sa 17:12; Lus 1:1)

Kerukasi ne Kali ne Beteni ne Akusafu,
26 ne Alammereki ne Amadi ne Misali ne kituuka ku Kalumeeri ku luuyi
olw'ebuvanjuba ne ku Sikolulibunasi,
27 ne kidda ebuvanjuba ne kyeyongerayo ku Besudagoni ne kituuka
ku Zebbulooni ne ku kiwonvu Ifutakeri ku luuyi olw'omu bukiikakkono
okutuuka ku Besuemeki ne Neyeri ne kikoma ku Kabuli mu bukiikakkono.
28 Ne kyeyongerayo ku Ebuloni ne Lekobu ne Kammoni ne Kana
okutuuka ku Sidoni Ekinene.
29 Ensalo n'edda ku Laama n'ekibuga ekiriko ekigo ekya Tuulo ne
kyeyongerayo e Kosa n'eryoka ekoma ku nnyanja mu nsi eriraanye
Akuzibu,
30 ne Uma ne Afiki ne Lekobu byonna awamu ebibuga amakumi abiri
n'ebyalo byabyo.

31 Ogwo gwe gwali omugabo gw'ekika ky'abaana ba Aseri ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byabyo.

## *Ensi ya Nafutaali*

32 Akalulu akoomukaaga ne kagwa ku Nafutaali, be baana ba Nafutaali ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

33 N'ensalo yaabwe n'eva ku mwera oguli mu Zaanannimu e Kerefu ne Adaminekebu ne Yabuneeri okutuuka ku Lakkumu n'eryoka ekoma ku mugga Yoludaani.

34 N'ewetera ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku Azunnosutaboli ne
yeeyongerayo ku Kukkoki, ne yeeyongerayo e Zebbulooni mu bukiikaddyo,
n'ekwata ku Aseri mu bugwanjuba, ne ku Yuda ekiri ku Yoludaani
ebuvanjuba.

35 N'ebibuga ebiriko ebigo byali Ziddimu, ne Zeri, ne Kammasi, ne Lakkasi, ne Kinneresi,
36 ne Adama ne Laama ne Kazoli,
37 ne Kasedi ne Ederei, ne Enkazoli,
38 ne Ironi ne Migudaleri, ne Kolemu ne Besuanasi ne Besusemesi,
ebibuga kkumi na mwenda n'ebyalo byabyo.

39 Ogwo gwe gwali omugabo gw'ekika ky'abaana ba Nafutaali ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byabyo.

## *Omugabo gwa Ddaani*

40 Akalulu akoomusanvu kaagwa ku kika ky'abaana ba Ddaani ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

41 N'ekitundu ky'omugabo gwabwe ne kitwaliramu
Zola ne Esutaoli ne Irusemesi
42 ne Saalabbini ne Ayalooni ne Isula
43 ne Eroni ne Timuna ne Ekuloni
44 ne Eruteke ne Gibbesoni ne Baalasi
45 ne Yekudi ne Beneberaki ne Gasulimmoni
46 ne Meyalakoni ne Lakoni n'ensalo etunuulidde Yafo.

47 Naye abaana ba Ddaani baalina obuzibu okutwala omugabo gwabwe ne bagenda ne balumba Lesemu ne bakiwangula ne batta abantu baamu n'ekitala ne babeera omwo, ne bakituuma Ddaani ly'erinnya lya jjajjaabwe.

48 Ogwo gwe mugabo gw'abaana ba Ddaani ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

## *Omugabo gwa Yoswa*

49 Nga bamaze okugabana ensi mu bitundu eby'enjawulo abaana ba Isirayiri ne bawa Yoswa mutabani wa Nuuni omugabo mu bo
50 ng'ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali, ne bamuwa ekibuga kye yasaba, Timunasusera mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu. Omwo mwe yazimba ekibuga mwe yabeera.

51 Bino bye bitundu Eriyazaali kabona ne Yoswa omwana wa Nuuni n'abakulu b'ebika bya Isirayiri bye bagabana okuyita mu kalulu e Siiro nga beebuuza ku MUKAMA mu mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu. Bwe batyo bwe baamaliriza okugabanyaamu ensi.

# 20

*Ebibuga ekyokwekwekamu*

1 MUKAMA Katonda n'alyoka agamba Yoswa nti,
2 "Gamba abaana ba Isirayiri bateekewo ebibuga ebyokwekwekamu nga bwe nabalagira okuyita mu Musa,
3 era nti omuntu yenna atta omulala nga tagenderedde era nga takitegese addukirenga omwo, eyo gy'anaawoneranga omuwoolezi w'eggwanga ayagala okwesasuza.
4 "Annadukiranga mu kimu ku bibuga ebyo n'ayimirira ku mulyango gw'ekibuga annyonnyole ensonga ye eri abakadde b'ekibuga ekyo. Awo ne balyoka bamukkiriza okuyingira mu kibuga ne bamuwa ekifo eky'okubeeramu.
5 N'oyo ayagala okwesasuza singa anaamugobereranga, tebateekwa kuwaayo oyo asse tagenderedde kubanga muliraanwa we yamutta tagenderedde, lwa kuba nti yamulinako ekiruyi n'obukyayi.
6 "Mu kibuga omwo mwanaabeeranga, abantu baamu banaawuliranga ensonga ye, era anaabeeranga omwo okutuusa kabona omukulu aliko mu kiseera ekyo, lw'alifa. Olwo nno aliddayo ewaabwe mu kibuga gye yadduka."
7 Awo ne baawulako ebibuga bino: Kedesi mu Ggaliraaya mu nsi ey'ensozi eya Nafutaali, ne Sekemu mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ne Kiriasualuba, ye Kebbulooni mu nsi ey'ensozi eya Yuda.
8 N'emitala wa Yoludaani ku Yeriko ku luuyi olw'ebuvanjuba ne bateekayo Bezeri mu lukoola mu lusenyi mu kika kya Lewubeeni, ne Lamosi mu Gireyaadi mu kika kya Gaadi, ne Golani mu Basani mu kika kya Manase.
9 Ebyo bye bibuga ebyateekebwawo abaana ba Isirayiri bonna era ne bannaggwanga abaali mu bo nti omuntu yenna eyattanga omuntu nga tagenderedde addukire eyo aleme kuttibwa omuwoolezi w'eggwanga okutuusa lw'aliyimirira mu maaso g'ekibiina.

# 21

*Ebibuga by'Abaleevi*

1 Awo abakulira ennyumba mu kika ky'Abaleevi ne bajja eri Eriyazaali kabona n'eri Yoswa mutabani wa Nuuni n'eri abakulu b'ennyumba z'abaana ba Isirayiri
2 e Siiro mu Kanani ne babagamba nti, "MUKAMA Katonda yalagira okuyita mu Musa nti tuweebwe ebibuga eby'okubeeramu era n'amalundiro g'ebisibo byaffe."

3 Kale, nga MUKAMA bwe yalagira, Abayisirayiri ne bawa Abaleevi
ebibuga bino n'amalundiro nga gwe mugabo gwabwe.

4 Akalulu ne kagwa ku nda ez'Abakokasi. Bwe batyo Abaleevi abaali
bava mu Alooni kabona ne bafuna ebibuga kkumi na bisatu okuva
mu bika bya Yuda, ne Simyoni ne Benyamini.
5 Abakokasi abaali basigaddewo ne bafuna ebibuga kkumi okuva mu
nnyumba, z'ebika bya Efulayimu, ne Ddaani n'ekitundu ky'ekika kya
Manase.
6 N'abaana ba Gerusoni ne baweebwa ebibuga kkumi na bisatu okuva
mu nnyumba zino: eya Isakaali, n'eya Aseri, n'eya Nafutaali,
n'ekitundu ky'ekika kya Manase mu Basani.
7 Abaana ba Merali ne baweebwa ng'ennyumba zaabwe bwe zaali,
ebibuga kkumi na bibiri nga biva mu bika bino: Lewubeeni, ne Gaadi,
ne Zebbulooni.

8 Abaana ba Isirayiri ne bawa Abaleevi ebibuga bino,
n'amalundiro gaabwe nga MUKAMA bwe yali alagidde okuyita
mu Musa.

9 Mu bika bya Yuda ne Simyoni mwavaamu ebibuga bino:
10 bye byaweebwa abaana ba Alooni mu nnyumba z'Abakokasi mu kika
ky'Abaleevi kubanga akalulu be kasooka okugwako.
11 Ne babawa Kiriasualuba (Aluba ye yali kitaawe wa Anaki) era
ekimanyiddwa nga Kebbulooni mu nsi ey'ensozi eya Yuda n'ebyalo
byakyo ebikyetoolodde.
12 Naye ennimiro zaakyo n'ebibuga byakyo ne babiwa Kalebu omwana
wa Yefune abitwale ng'omugabo gwe.
13 Abantu abaava mu Alooni eyali kabona ne baweebwa Kebbu-
looni, ebibuga ebyokwekwekamu abo ababa basse bantu bannaabwe,
n'amalundiro gaabyo ne Libuna n'amalundiro gaakyo,
14 ne Yattiri n'amalundiro gaakyo ne Esutemoa n'amalundiro gaakyo,
15 ne Kaloni n'amalundiro gaakyo ne Debiri n'amalundiro gaakyo,
16 ne Ayini n'amalundiro gaakyo ne Yuta n'amalundiro gaakyo ebibuga
mwenda mu bika ebibiri.
17 Ne mu kika kya Benyamini ne baweebwa Gibyoni, ne Geba
18 ne Anasosi n'amalundiro gaakyo, ne Alumoni n'amalundiro gaakyo
ne Alumoni n'amalundiro gaakyo bye bibuga bina.

19 Ebibuga byonna eby'abaana ba Alooni bakabona byali ebibuga
kkumi na bisatu n'amalundiro gaabyo.

20 Eri Abakokasi* abalala abaali bava mu nnyumba z'Abakokasi
ez'Abaleevi ebibuga ebyabaweebwa byava mu kika kya Efulay-
imu.
21 N'aweebwa Sekemu n'amalundiro gaakyo mu nsi ey'ensozi eya Efu-
layimu ekibuga eky'okwekwekamu oyo asse, ne Gezeri n'amalundiro
gaakyo,
22 ne Kizuzaimu n'amalundiro gaakyo ne Besukolooni n'amalundiro
gaakyo,

* **21:20** Abakokasi Tebaali bakabona kubanga tebaali bazzukulu ba Alooni.

23 ne mu kika kya Ddaani, Eruteke n'amalundiro gaakyo, Gibbesoni
n'amalundiro gaakyo,
24 Ayalooni n'amalundiro gaakyo, ne Gasulimmoni n'amalundiro
gaakyo, bye bibuga bina.
25 Ne mu kitundu eky'ekika kya Manase, Taanaki, n'amalundiro gaakyo,
ne Gasulimmoni n'amalundiro gaakyo, bye bibuga bibiri.
26 Ebibuga byonna eby'ennyumba z'abaana ba Kokasi abalala byali kkumi
n'amalundiro gaabyo.

27 N'eri abaana ba Gerusoni ekimu ku kika ky'Abaleevi,
ekitundu eky'ekika kya Manase, Golani mu Basani n'amalundiro
gaakyo, ekibuga eky'okwekwekangamu oyo asse nga tagenderedde,
ne Beesutera n'amalundiro gaakyo, ebibuga bibiri.
28 Ne mu kika kya Isakaali,
Kisioni n'amalundiro gaakyo, Daberasi n'amalundiro gaakyo,
29 Yalamusi n'amalundiro gaakyo, ne Engannimu n'amalundiro
gaakyo, bye bibuga bina,
30 ne mu kika kya Aseri,
Misali n'amalundiro gaakyo, Abudoni n'amalundiro gaakyo,
31 Kerukasi n'amalundiro gaakyo, ne Lekobu n'amalundiro gaakyo,
bye bibuga bina.
32 Ne mu kika kya Nafutaali,
Kadesi mu Ggaliraaya n'amalundiro gaakyo, ebibuga ebyokwekwekamu, ne Kammasudoli n'amalundiro gaakyo, ne Kalutani n'amalundiro gaakyo, bye bibuga bisatu.
33 Ebibuga byonna eby'Abagerusoni ng'ennyumba zaabwe bwe
zaali, byali ebibuga kkumi na bisatu n'amalundiro gaabyo.

34 Abaleevi abaali basigaddewo abaana ba Merali ne baweebwa
okuva mu kika kya Zebbulooni,
Yokuneamu n'amalundiro gaakyo, ne Kaluta n'amalundiro gaakyo,
35 Dimuna n'amalundiro gaakyo, Nakalali n'amalundiro gaakyo, bye
bibuga bina.
36 Ne mu kika kya Lewubeeni,
Bezeri n'amalundiro gaakyo, ne Yakazi n'amalundiro gaakyo,
37 Kedemosi n'amalundiro gaakyo, ne Mefaasi n'amalundiro gaakyo
bye bibuga bina.
38 Ne mu kika kya Gaadi,
Lamosi mu Gireyaali n'amalundiro gaakyo, ekibuga ekyokwekwekamu oyo asse, ne Makanayimu n'amalundiro gaakyo.
39 Kesuboni n'amalundiro gaakyo, Yazeri n'amalundiro gaakyo
awamu bye bibuga bina.

40 Ebyo byonna byali by'abaana ba Merali be Baleevi, abaali
basigalidde ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, bye bibuga kkumi
na bibiri byonna awamu.

41 Ebibuga byonna ebyali ku ttaka ery'abaana ba Isirayiri byali
amakumi ana mu munaana awamu n'ebyalo byabyo ebibiriraanye.
42 Buli kimu ku bibuga bino kyalina ebyalo ebikyetoolodde;
byonna ebibuga bwe byali.

43 Bw'atyo MUKAMA n'awa Isirayiri ettaka lyonna nga bwe yalayirira bajjajjaabwe, era bwe baamala okulifuna ne babeera omwo.
44 MUKAMA n'abawa emirembe ne bawummula ku buli luuyi nga bwe yalayirira bajjajjaabwe, tewali mulabe waabwe n'omu gwe bataawangula kubanga MUKAMA yali agabudde abalabe baabwe mu mukono gwabwe.
45 Buli kintu kyonna ekirungi MUKAMA kye yasuubiza ennyumba ya Isirayiri yakituukiriza. Byonna byatuukirira.

# 22

1 Awo Yoswa n'ayita Abalewubeeni n'Abagaadi n'ekitundu eky'ekika kya Manase,
2 n'abagamba nti, "Mwekuumye ne mukola byonna Musa omuweereza wa MUKAMA Katonda bye yabalagira.
3 Ebbanga lyonna n'okutuusa leero temulekeredde baganda bammwe, mubadde beegendereza okukuuma ekiragiro kya MUKAMA Katonda wammwe.
4 Era kaakano MUKAMA Katonda wammwe awadde baganda bammwe emirembe nga bwe yabasuubiza. Noolwekyo muddeeyo mu maka gammwe mu nsi Musa omuweereza wa MUKAMA gye yabawa ku luuyi luli olulala olwa Yoludaani.
5 Wabula mwegendereze okukuumanga ebiragiro era n'amateeka Musa omuweereza wa MUKAMA bye yabalagira: okwagalanga MUKAMA Katonda wammwe, okutambuliranga mu makubo ge gonna, okukuumanga ebiragiro bye, n'okumunywererangako era n'okumuweerezanga n'omutima gwammwe gwonna era n'emmeeme yammwe yonna."
6 Yoswa n'alyoka abasabira omukisa n'abasiibula ne baddayo mu maka gaabwe.

*Ekyoto ku Yoludaani*

7 Ekitundu ekimu eky'ekika kya Manase, Musa yali akigabidde ettaka mu Basani, n'ekitundu ekirala eky'ekika kya Manase ne baganda baabwe, Yoswa n'akiwa ettaka ku luuyi olw'ebugwanjuba bwa Yoludaani. Yoswa n'abawa omukisa n'abasiibula baddeyo ewaabwe.
8 N'abagamba nti, "Ente nnyingi, ne ffeeza, ne zaabu, n'ekikomo, n'ekyuma, era n'engoye nnyingi bye munyaze ku balabe bammwe; mubigabaane ne baganda bammwe."
9 Awo Abalewubeeni n'abaana ba Gaadi n'ekitundu eky'ekika kya Manase nga bava mu baana ba Isirayiri mu Siiro ekiri mu nsi ya Kanani ne baddayo mu nsi yaabwe, mu Gireyaadi, gye baali bagabanye bo bennyini ng'ekiragiro kya MUKAMA Katonda bwe kyali okuyita mu Musa.
10 Era bwe baatuuka mu kitundu ekiriraanye Yoludaani mu nsi ya Kanani, abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi n'ekitundu eky'ekika kya Manase, ne bazimba awo ekyoto, ekinene ddala.
11 Wabula abantu ba Isirayiri bwe baawulira nti bazimbye ekyoto ku Yoludaani ku luuyi lwa Isirayiri,
12 ekibiina kyonna ekya Isirayiri ne bakuŋŋaana e Siiro beetegekere olutalo babalumbe.
13 Awo abaana ba Isirayiri ne batuma Finekaasi omwana wa Eriyazaali kabona eri Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase mu nsi ya Gireyaadi.
14 Ne batumirako abakungu kkumi, omu omu omukulu w'ennyumba mu buli kika kya Isirayiri.

15 Bwe bajja eri Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekibiina kyonna ekya
Manase mu nsi ya Gireyaadi ne babagamba nti,
16 "Ekibiina kyonna ekya MUKAMA bwe kiti bwe kigamba, 'Muyinza
mutya okukyama bwe muti okuva ku Katonda wa Isirayiri? Muyinza
mutya okuva ku MUKAMA ne mwezimbira ekyoto ne mumujeemera awo?
17 Ekibi kya Peoli tekyatumala, ate nga n'okwerongoosa tubadde
tetunnaba kwerongoosa kwemalako kibi ekyo, wadde kawumpuli yagwa
ku kibiina kya MUKAMA Katonda,
18 ate mmwe ne mulekeraawo okugoberera MUKAMA Katonda?
" 'Bwe munaajeemera MUKAMA leero, enkya ajja kunyiigira eggwanga
lyonna erya Isirayiri.
19 Obanga ensi gye mututte sinnongoofu, mujje eno eri ensi ya MUKAMA,
weema ya MUKAMA gy'eri, tugabane eno gye tuli; kye mutasaana kukola
kwe kujeemera MUKAMA, oba okutufuula ffe abajeemu nga mwezimbira
ekyoto ekitali kya MUKAMA Katonda waffe.
20 Akani mutabani wa Zeera teyajeema bwe yatoola ku bintu MUKAMA
bye yali yeerobozza, ekiruyi kya MUKAMA ne kijjira ekibiina kyonna ekya
Isirayiri? Si ye yekka eyazikirira olw'ekibi kye.' "
21 Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase ne
balyoka baddamu abakulu b'ebika bya Isirayiri nti,
22 "MUKAMA Katonda ow'Amaanyi, MUKAMA ow'Amaanyi! Ye amanyi,
era Isirayiri akimanye! Bwe kiba nga kyabadde mu kwediima oba
kujeemera MUKAMA, temutusonyiwa leero.
23 Bwe tuba nga ekyatuzimbya ekyoto kwe kuva ku MUKAMA, tuki-
weereko ekiweebwayo ekyokebwa oba ekiweebwayo ekyobutta oba
ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe, MUKAMA Katonda yennyini
atuvunaane.
24 Nedda, twakikola mu kutya nti mu mirembe egijja abaana baffe
balitubuuza nti, 'MUKAMA Katonda wa Isirayiri mumumanyiiko ki?
25 Kubanga MUKAMA yakola Yoludaani okubeera ensalo wakati wammwe
naffe mmwe Abalewubeeni, n'Abagaadi, temulina mugabo eri MUKAMA
Katonda.' Noolwekyo abaana bammwe bayinza okugaana abaana baffe
okusinza MUKAMA Katonda.
26 "Kyetwava tugamba nti, 'Leka tuzimbe kaakano ekyoto ekitali kya
kukozesa ku biweebwayo ebyokebwa, wadde ssaddaaka,'
27 naye kibeere akabonero ak'obujulizi wakati waffe nammwe, era ne
wakati we mirembe egirituddirira nti tugenda mu maaso ga MUKAMA Ka-
tonda ne tumusinza n'ebiweebwayo byaffe ebyokebwa ne ssaddaaka era
n'ebiweebwayo olw'emirembe si kulwa nga abaana bammwe bagamba
abaana baffe mu biseera ebijja nti, 'Temulina mugabo gwonna eri MUKAMA
Katonda.'
28 Kyetwava tugamba nti, 'Bwe balitugamba batyo oba okugamba
abaana baffe abaliddawo, tulibaddamu nti, "Mulabe ekifaananyi kye
kyoto kya MUKAMA Katonda, bakitaffe kye baakola, si lwa biweebwayo
ebyokebwa wadde ssaddaaka, naye okubeera omujulirwa wakati waffe
nammwe." '
29 Kikafuuwe ffe okujeemera MUKAMA era n'okumuvaako leero ne
tutamugoberera nga tuzimba ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa, oba
ebiweebwayo eby'empeke, oba ssaddaaka, ekitali kyoto kya MUKAMA
Katonda waffe ekiri mu maaso ga Ssanduuko y'Endagaano ye!"

### *Ekyoto Kikkirizibwa*

30 Finekaasi kabona, n’abakulu b’ebibiina by’ebika bya Isirayiri abaali naye bwe baawulira ebigambo Abalewubeeni, n’Abagaadi n’aba Manase bye bayogera, ne bibasanyusa nnyo.

31 Finekaasi mutabani wa Eriyazaali kabona n’agamba Abalewubeeni n’Abagaadi n’abaana ba Manase nti, “Leero tutegedde nti MUKAMA ali wakati mu ffe, kubanga temukoze kivve kino eri MUKAMA Katonda, kaakano abantu ba Isirayiri mubawonyezza omukono gwa MUKAMA Katonda.”

32 Awo Finekaasi mutabani wa Eriyazaali kabona, n’abakulu b’ebika ne bava eri Abalewubeeni, n’Abagaadi mu nsi ye Kanani, ne baddayo eri abantu ba Isirayiri ne bababuulira ebibaddeyo.

33 Bye baayogera ne bisanyusa abantu ba Isirayiri ne bagulumiza Katonda ne bataddayo kwogera ku bya lutalo kubalumba, bazikirize ensi Abalewubeeni, n’Abagaadi gye baali basenze.

34 Abalewubeeni n’Abagaadi ne batuuma ekyoto erinnya Mujulizi, ne bagamba nti, “Kubanga mujulizi eri ffe nti MUKAMA ye Katonda.”

# 23

*Yoswa Asiibula*

1 Bwe waayitawo ekiseera, MUKAMA Katonda ng’awadde Isirayiri emirembe mu njuyi zonna awaali abalabe, Yoswa ng’akaddiye ng’awangadde emyaka mingi,

2 n’ayita Abayisirayiri bonna, abakadde baabwe n’abakulembeze baabwe, abalamuzi n’abakungu n’abagamba nti, “Kaakano nkaddiye era mmaze emyaka mingi;

3 mmwe bennyini mulabye byonna MUKAMA Katonda wammwe byakoze amawanga gano gonna ku lwammwe, kubanga MUKAMA Katonda wammwe yabalwaniridde.

4 Mulabe, ngabidde ebika byammwe amawanga ago agabadde gakyasigadde, amawanga gonna ge namala okuwangula, okuva ku Yoludaani okutuuka ku nnyanja ennene ebugwanjuba.

5 MUKAMA Katonda ajja kubagoba babaviire abasindiikirize okuva mu maaso gammwe mutwale ensi yaabwe nga MUKAMA Katonda wammwe bwe yabasuubiza.

6 “Noolwekyo mwegendereze nnyo okukwata n’okukola byonna ebiwandiikiddwa mu kitabo kya Musa eky’amateeka, obutakyama kukivaako kudda ku ddyo wadde ku kkono.

7 Temwetabanga n’amawanga gano agasigadde mu mmwe, wadde okwogera ku mannya ga bakatonda baabwe, okulayira mu mannya gaabwe okubaweereza wadde okubavuunamira.

8 Naye munywerere ku MUKAMA Katonda wammwe nga bwe mukoze okutuusa leero.

9 “Kubanga MUKAMA Katonda wammwe agobye amawanga amanene ag’amaanyi era n’okutuusa kaakano teri n’omu asobodde kubaziyiza.

10 Omuntu omu ku mmwe agoba abantu lukumi, kubanga MUKAMA Katonda wammwe yaabalwanirira nga bwe yabasuubiza.

11 Noolwekyo mwekuume, mwagale MUKAMA Katonda wammwe,

12 kubanga bwe munaamuvaangako ne mwegattanga n’abamawanga abaasigalawo abali mu mmwe, oba ne mufumbiriganwa ne mukolagananga nabo,

[13] mukitegeererewo nti MUKAMA Katonda wammwe tagenda kwey-
ongera kubagobamu mawanga gano, naye ganaafuukanga emitego era
enkonge gye muli, embooko ezinaabakubanga mu mbiriizi, n'amaggwa
aganaabafumitanga mu maaso gammwe okutuusa lwe mulizikirira mu
nsi eno ennungi MUKAMA Katonda wammwe gy'abawadde.
[14] "Era kaakano nnaatera okukwata olugendo lw'abantu bonna ab'oku
nsi era mumanyi n'emitima gyammwe n'emmeeme yammwe mmwe
mwenna nti, Tewali kintu kyonna kitatuukiridde MUKAMA Katonda
wammwe kye yasuubiza ekibakwatako. Byonna bibakoleddwa, tewali na
kimu kiremye.
[15] Naye ng'ebintu byonna ebirungi MUKAMA Katonda wammwe
bye yabasuubiza nga bwe bibaweereddwa, bw'atyo MUKAMA Katonda
wammwe bw'anaabatuusangako, ebibi byonna okutuusa ng'abazikirizza
okuva mu nsi eno ennungi gy'abawadde.
[16] Bwe munaamenyanga endagaano ya MUKAMA Katonda wammwe
gye yabalagira, ne mugenda ne muweerezanga bakatonda abalala ne
mubavuunamiranga, obusungu bwa MUKAMA bunaaboolekeranga, ne
muzikirira mangu okuva mu nsi ennungi gy'abawadde."

# 24

*Obubaka bwa Yoswa Obusembayo*

[1] Awo Yoswa n'akuŋŋaanya ebika byonna ebya Isirayiri e Sekemu,
n'ayita abakadde ba Isirayiri n'abakulembeze, abalamuzi era n'abakungu
ba Isirayiri ne bajja babeere mu maaso ga Katonda.
[2] Yoswa n'agamba abantu bonna nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA
Katonda wa Isirayiri nti, 'Edda ennyo bajjajjammwe nga mulimu ne
Teera kitaawe wa Ibulayimu baabeeranga emitala w'omugga Fulaati, gye
basinzizanga bakatonda abalala.
[3] Ne ndyoka nziggya jjajjammwe Ibulayimu emitala w'omugga, ne
mmukulembera okumuyisa mu nsi ye Kanani, ne mmuwa Isaaka, ne
mwongerako ezzadde.
[4] Isaaka ne mmuwa Yakobo ne Esawu. Esawu ne mmuwa ensi ey'ensozi
eya Seyiri. Naye Yakobo n'abaana be ne mbatwala e Misiri.
[5] " 'Natuma Musa ne Alooni, ne mbonyaabonya Abamisiri
n'ebibonoobono bye nabakola, oluvannyuma abaana ba Yakobo ne
mbaggyayo.
[6] Bwe naggya bajjajjammwe e Misiri mwatuuka ku Nnyanja Emyufu.
Abamisiri abaali mu magaali, n'abeebagadde embalaasi ne bawondera
bajjajjammwe okutuuka ku Nnyanja Emyufu.
[7] Naye bajjajjammwe bwe baakaabirira MUKAMA Katonda abayambe,
nateeka ekizikiza wakati wammwe n'Abamisiri; Abamisiri n'abayiwako
ennyanja n'ebabuutikira. Amaaso gammwe ne galaba kye nakola
Abamisiri; ne mutambulira mu ddungu okumala ebbanga ddene.
[8] " 'Nabaleeta mu nsi ey'Abamoli, abaali emitala wa Yoludaani, ne
babalwanyisa, ne mbagabula mu mukono gwammwe. Ne nzikiriza
Abamoli okubamalawo mu maaso gammwe ensi yaabwe ne ngigabira
mmwe.
[9] Balaki mutabani wa Zipoli, kabaka wa Mowaabu, bwe yasituka
okulwanyisa Isirayiri, n'atumya Balamu mutabani wa Byoli abakolimire;
[10] naye Balamu saamuwuliriza, n'abawa buwi mukisa emirundi
n'emirundi. Bwe ntyo ne mbanunula mu mukono gwe.

11 “ ‘Ne musomoka omugga Yoludaani ne mutuuka e Yeriko. Abantu b’omu Yeriko awamu n’Abamoli, n’Abaperezi, n’Abakanani, n’Abakiiti, n’Abagirusi, n’Abakiivi, n’Abayebusi ne babalwanyisa naye ne mbagabula mu mukono gwammwe.
12 Ne ntuma ennumba ezabakulembera ezagoba abalabe bammwe mu maaso gammwe, nga mwe muli bakabaka ababiri Abamoli; si mmwe mwakikola n’ekitala kyammwe wadde obusaale.
13 Ne mbawa ensi gye mutaakolerera, ebibuga bye mutaazimba mwe mutudde kaakano, mulya ebibala by’emizabbibu n’emizeeyituuni bye mutaasimba.’
14 “Noolwekyo kaakano mutye MUKAMA Katonda era mumuweereze mu bwesimbu era mu mazima, muggyeewo bakatonda babajjajjammwe be baawererezanga emitala w’omugga ne mu Misiri, muweereze MUKAMA Katonda.
15 Naye bwe muba temwagala kuweereza MUKAMA, mulondeewo leero gwe munaaweerezanga; oba bakatonda babajjajjammwe abaali emitala w’omugga be baaweerezanga, oba bakatonda ab’Abamoli, bannannyini nsi mwe muli. Naye nze n’ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga MUKAMA Katonda.”
16 Abantu ne balyoka baddamu ne bagamba nti, “Kikafuuwe ffe okuleka MUKAMA okuweerezanga bakatonda abalala.
17 MUKAMA Katonda waffe ye yatuggya ffe ne bajjajjaffe mu Misiri mu nsi ey’obuddu, n’akola ebyewuunyo eby’ekitalo nga tulaba, n’atukuuma mu kkubo lyonna ne mu mawanga gonna ge twayitamu.
18 MUKAMA Katonda n’agoba amawanga gonna mu maaso gaffe nga mwe muli Abamoli, abaali mu nsi. Naffe kyetunaava tuweerezanga MUKAMA Katonda, kubanga ye Katonda waffe.”
19 Yoswa n’agamba abantu nti, “Kizibu okuweereza MUKAMA, kubanga Katonda mutukuvu, Katonda wa buggya, taasonyiwenga bujeemu bwammwe newaakubadde ebibi byammwe.
20 Obanga munaalekanga MUKAMA, ne muweerezanga bakatonda abalala, alibakyukira n’abazikiriza n’abamalawo ate nga bulijjo abadde abayisa bulungi.”
21 Abantu ne bagamba Yoswa nti, “Nedda, tunaweerezanga MUKAMA.”
22 Yoswa n’agamba abantu nti, “Muli bajulirwa bammwe mwekka nga mulonzeewo kuweerezanga MUKAMA Katonda.” Ne boogera nti, “Tuli bajulirwa.”
23 N’abagamba nti, “Kale muggyeewo bakatonda abalala abali wakati mu mmwe, era emitima gyammwe mugizze eri MUKAMA Katonda wa Isirayiri.”
24 Abantu ne bagamba Yoswa nti, “Tujja kuweerezanga MUKAMA Katonda waffe era tujja kumugonderanga.”
25 Awo Yoswa n’akola endagaano n’abantu ku lunaku olwo, n’abakolera amateeka n’ebiragiro.
26 Era n’awandiika ebintu bino mu kitabo ky’amateeka ekya Katonda, n’atwala ejjinja eddene ennyo n’aliteeka wansi w’omwera ogwali mu kifo kya MUKAMA ekitukuvu.
27 Yoswa n’agamba abantu nti, “Mulabe ejjinja lino lijja kubeeranga omujulizi gye tuli, liwulidde ebigambo byonna MUKAMA Katonda bya tugambye. Era lijja kubeeranga omujulizi gye muli bwe mutaabeerenga beesigwa eri Katonda wammwe.”
28 Yoswa n’asindika abantu bagende, buli omu mu mugabo gwe.

29 Oluvannyuma lw'ebyo Yoswa mutabani wa Nuuni, omuweereza wa MUKAMA, n'afa ng'awezezza emyaka kikumi mu kkumi.
30 Ne bamuziika mu ttaka ly'obusika bwe lye yaweebwa e Timuna-
susera, ekiri mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu ku luuyi olw'obukiikakkono olw'olusozi Gaasi.
31 Abayisirayiri ne baweereza MUKAMA ennaku zonna ez'abakadde abaasigalawo nga Yoswa amaze okufa era abaamanya emirimu gyonna MUKAMA Katonda gye yakolera Isirayiri.
32 N'amagumba ga Yusufu, abaana ba Isirayiri ge baggya e Misiri ne bagaziika e Sekemu, mu kifo ky'ettaka Yakobo kye yagula ebitundu bya ffeeza kikumi ku batabani ba Kamoli, kitaawe wa Sekemu ne liba omugabo gw'abaana ba Yusufu.
33 Eriyazaali mutabani wa Alooni naye n'afa, n'aziikibwa ku lusozi Gibea olwaweebwa Finekaasi mutabani we, mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ekyabalamuzi

1 Oluvannyuma lw'okufa kwa Yoswa, Abayisirayiri ne babuuza MUKAMA
Katonda nti, "Ani mu ffe alisooka okwaŋŋanga Abakanani okubalwany-
isa?"
2 MUKAMA Katonda n'abaddamu nti Yuda yalisooka, era laba mbawadde
obuwanguzi ku Bakanani.
3 Abasajja ba Yuda ne bagamba baganda baabwe abasajja ba Simy-
oni* nti, "Tugende ffenna mu kitundu kyaffe ekyatuweebwa tulwanyise
Abakanani, era naffe tuligenda nammwe mu kitundu ekyabaweebwa."
Awo ne bagenda bonna.
4 Yuda n'alumba Abakanani n'Abaperezi e Bezeki era MUKAMA n'amuwa
obuwanguzi n'abattamu abasajja omutwalo mulamba.
5 Ne bagwikiriza Adonibezeki mu Bezeki; ne bamulwanyisa era ne batta
abasajja be.
6 Naye Adonibezeki ne yeemulula, ne bamuwondera, ne bamukwata era
ne bamusalako engalo ze ensajja n'ebigere ebisajja†.
7 Adonibezeki ne yejjusa n'agamba nti, "Nga bakabaka ensanvu abaasal-
ibwako engalo zaabwe ensajja n'ebigere ebisajja, bwe baalondalondanga
obukunkumuka wansi w'emmeeza yange, nange bwe ŋŋenda okuba.
Kye nakola bannange Katonda nange akintusizzaako." Ne bamutwala e
Yerusaalemi n'afiira eyo.
8 Abasajja ba Yuda ne balumba ekibuga Yerusaalemi ne bakiwamba ne
batta abantu baamu n'ekitala, oluvannyuma ne bakyokya.
9 Awo abasajja ba Yuda ne balumba Abakanani abaabeeranga mu nsozi
ne mu biwonvu ne mu bukiika obwa ddyo.
10 Ate Yuda n'alumba Abakanani abaabeeranga e Kebbulooni (edda
ekyayitibwanga Kiriasualuba), mu lutalo olwali eyo mwe battira Sesayi,
Akimaani ne Talumaayi.
11 Ate n'avaayo n'alumba abaabeeranga e Debiri edda ekyayitibwanga
Kiriasuseferi.
12 Awo Kalebu n'agamba nti, "Oyo alirumba Kiriasuseferi n'akiwamba
ndimuwa muwala wange Akusa okumuwasa."
13 Osunieri, omwana wa Kenazi muto wa Kalebu n'akiwamba bw'atyo
n'aweebwa Akusa okumuwasa.
14 Awo Osunieri bwe yamala okuwasa Akusa n'amufukuutirira asabe
kitaawe ennimiro; Akusa n'addayo eri kitaawe, bwe yali ava ku ndogoyi,
Kalebe n'amubuuza nti, "Oyagala ki?"
15 N'amuddamu nti, "Wampa ensi nkalu ey'obukiikaddyo naye kaakano
nnyongera ekitundu ekirimu n'enzizi ez'amazzi." Kalebu n'amuwa
ekitundu ekirimu enzizi ekyengulu n'ekyemmanga.
16 Abazzukulu b'Omukeeni, mukoddomi wa Musa ne bava mu kibuga
eky'enkindu ne bagendera wamu n'abasajja ba Yuda ne batuuka mu

* 1:3 Simyoni Bazzukulu ba Simyoni n'abantu ba Yuda baali bazzukulu ba Leeya. † 1:6 ne bamusalako engalo ze ensajja n'ebigere ebisajja Empisa ey'okusalako engalo ensajja n'ebigere ebisajja yakozesebwanga nnyo ku basibe mu bitundu ebyo. Ekyali kigendererwa mu kyo, kwe kulaba ng'abasibe tebadduka.

ddungu lya Yuda eryali mu bukiikaddyo obwa Aladi ne babeera wamu n'abantu baayo.

17 Awo Yuda n'agenda ne muganda we Simyoni ne balumba Abakanani abaabeeranga e Zefasi, ne babazikiririza ddala era ne bakituuma erinnya Koluma‡.

18 Era Yuda n'awamba Gaza, Asukulooni ne Ekuloni n'ebitundu ebyetoolodde ebibuga bino.

19 MUKAMA yali wamu ne Yuda n'awangula abantu abaabeeranga mu nsozi okuggyako yalemwa okuwangula abantu abaabeeranga mu kiwonvu kubanga baalina amagaali ag'ekyuma.

20 Kebbulooni n'ekiweebwa Kalebu, nga Musa bwe yalagira, n'akifuumulamu batabani ba Anaki abasatu.

21 Naye abasajja ba Benyamini tebaagoba Bayebusi abaabeeranga mu Yerusaalemi noolwekyo Abayebusi babeera wamu n'abasajja ba Benyamini mu Yerusaalemi n'okutuusa kaakano.

22 N'abasajja ba Yusufu ne balumba Beseri era MUKAMA yali wamu nabo.

23 Abasajja ba Yusufu ne batuma abakessi okuketta ekibuga ky'e Beseri edda ekyayitibwanga Luzi.

24 Abakessi bwe baalaba omusajja ng'ava mu kibuga ne bamugamba nti, "Tukwegayiridde tulage omulyango oguyingira mu kibuga naffe tunaakuyisa bulungi."

25 Awo bwe yabalaga awayingirirwa, ne bazikiriza n'ekitala abantu b'omu kibuga ekyo; ne batakola kabi konna ku musajja oyo n'ab'omu nnyumba ye bonna.

26 Omusajja oyo n'asengukira mu nsi y'Abakiiti, n'azimbayo n'ekibuga n'akituuma Luzi, n'okutuusa kaakano bwe kiyitibwa.

27 Ye Manase teyagoba bantu abaabeeranga mu Besuseani, ne mu Taanaki ne mu Poliyadde abaabeeranga mu Ibuleamu, ne mu Megiddo, n'ebyalo ebiriraanye ebibuga ebyo. Naye Abakanani ne bagaanira ddala okuva mu nsi eyo.

28 Awo Abayisirayiri bwe beeyongera amaanyi ne bawaliriza Abakanani okubakoleranga emirimu mu kifo ky'okugobwa mu nsi eyo.

29 Era ne Efulayimu teyagoba Bakanani naye yabakkiriza okubeera awamu naye mu Gezeri.

30 Era ne Zebbulooni teyagoba abantu abaabeeranga mu Kitulooni yadde abaabeeranga mu Nakaloli, naye Abakanani bano n'abakkiriza okubeeranga awamu naye nga bwe bamusasula omusolo.

31 Aseri teyagoba bantu abaabeeranga mu Akko yadde ab'omu Sidoni n'ab'omu Alaba n'ab'omu Akuzibu n'ab'omu Keruba n'ab'omu Afiki yadde ab'omu Lekobu,

32 naye Abakanani ne bakkirizibwa okubeera awamu n'abantu ba Aseri.

33 Nafutaali teyagoba bantu abaabeeranga mu Besusemesi ne mu Besuanasi naye n'abakkirizanga okubeeranga awamu n'abantu be nga bwe bamusasula omusolo.

34 Bo abasajja ba Ddaani tebaasobola kuwamba nsi y'Abamoli ey'omu kiwonvu era Abamoli ne babafuumuula ne baabazaayo mu nsozi.

35 Newaakubadde Abamoli baalwanirira nnyo okubeera ku lusozi Keresi, mu Ayalooni ne Saalubimu naye ab'omu kika kya Yusufu ne babafufuggaza era ne babawaliriza okubawanga omusolo.

‡ **1:17** Koluma kitegeeza Kuzikiriza

36 Ensalo y'Abamoli yayitanga awo ng'oyambuka Akulabbimu n'okweyongerayo.

# 2

1 Awo Malayika wa MUKAMA n'ava e Bokimu n'ajja e Girugaali, n'agamba nti, "Nabaggya mu nsi y'e Misiri ne mbaleeta mu nsi gye nalayira okuwa bajjajjammwe; ne ŋŋamba nti, 'Endagaano yange gye nalagaana nammwe sirigimenya emirembe gyonna;

2 nammwe temukolanga ndagaano n'abantu ab'omu nsi eyo: museseggulanga ebyoto byabwe.' Naye mmwe temugondedde kiragiro kyange: Kiki ekibakozesezza bwe mutyo?

3 Kaakano kyenva ŋŋamba nti, 'Siibafubutule mu maaso gammwe, naye banaaba balabe bammwe ne bakatonda baabwe banaaba nkonge gye muli.' "

4 Malayika wa MUKAMA bwe yamala okugamba Abayisirayiri bonna ebigambo bino ne balyoka batema emiranga.

5 Ekifo ekyo ne bakituuma erinnya Bokimu; ne baweera eyo Ssaddaaka eri MUKAMA.

6 Awo Yoswa bwe yamala okulagira Abayisirayiri baabuke, buli omu ku bo n'agenda okugabana ekitundu kye yasuubizibwa.

7 Abayisirayiri ne baweerezanga MUKAMA mu kiseera kyonna ekya Yoswa era ne mu kiseera kyonna eky'abakulembeze abaawangaala okusinga Yoswa era abaalaba ebikolwa eby'amaanyi MUKAMA bye yakolera Abayisirayiri.

8 Awo omuweereza wa MUKAMA Yoswa mutabani wa Nuuni n'afa. We yafiira ng'aweza emyaka kikumi mu kkumi.

9 Ne bamuziika e Timunasukeresi mu kitundu kye yagabana mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi mu bukiika obwa kkono obw'olusozi Gaasi.

10 Awo ab'omulembe gwa Yoswa bonna bwe baafa ne baggwaawo ne waddawo omulembe gw'abataamanya MUKAMA yadde ebikolwa eby'amaanyi bye yakolera Abayisirayiri.

11 Abayisirayiri ne bakola ebibi mu maaso ga MUKAMA era ne basinza Babayaali.

12 Ne banyiiza MUKAMA kubanga baagoberera era ne basinza bakatonda abalala abamawanga agaali gabeetoolodde ne beerabira MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe eyabaggya mu nsi ye Misiri.

13 Ne bava ku MUKAMA ne basinza ba Baali ne Asutoleesi.

14 MUKAMA n'asunguwalira nnyo Abayisirayiri: Kyeyava abawaayo mu mikono gy'abanyazi ne babanyanga era ne batasobola na kwerwanako okuva mu mikono gy'abalabe baabwe ababeetoolodde kubanga MUKAMA yali amaze okubawaayo.

15 Buli gye baatabaalanga ne bawangulwa kubanga MUKAMA yabavaako olw'ekibi kyabwe nga bwe yabalayirira; ne bawotookerera nnyo.

16 MUKAMA n'abawa abakulembeze abaabalwaniriranga ne babawonya abanyazi.

17 Naye tebaawuliriza bakulembeze baabwe ne bagoberera era ne basinza bakatonda abalala. Tebaakola nga bajjajjaabwe abaagobereranga n'okuwuliranga ebiragiro bya MUKAMA.

18 Buli MUKAMA lwe yabawanga omukulembeze yamuyambanga era n'anunulanga Abayisirayiri okuva mu mikono gy'abalabe baabwe ekiseera eky'omukulembeze oyo. Olw'okusindanga n'okweraliikirizibwa abalabe baabwe abaabajooganga, MUKAMA kyeyava abakwatirwa ekisa.

19 Naye omukulembeze olwafanga ne baddamu okweyisanga obubi okukira ne bajjajjaabwe, ne bagobereranga ne baweerezanga era n'okuvuunamiranga bakatonda abalala ne banywerera ku mpisa zaabwe embi olw'emputtu yaabwe.

20 MUKAMA n'asunguwalira nnyo Abayisirayiri n'agamba nti, “Olw'okuba nga abantu bano bamenye endagaano gye nalagaana ne bajjajjaabwe, so tebagondedde ddoboozi lyange,

21 siifubutule mu maaso gaabwe wadde eggwanga n'erimu ku ago Yoswa ge yafa bawangudde.

22 Wabula nzija kukozesa amawanga gano okugezesa Abayisirayiri okulaba obanga banaafaayo okunywerera mu kkubo lya MUKAMA nga bajjajjaabwe bwe baakola, oba nedda.”

23 Bw'atyo MUKAMA n'aleka amawanga gali mu nsi eyo, n'atagawaayo mu mikono gya Yoswa yadde okugafubutula mu nsi eyo nga Yoswa yaakafa.

# 3

1 Waliwo amawanga MUKAMA gaatazikiriza asobole okuyigiririzaako Abayisirayiri bonna abataamanya ntalo zonna ez'omu Kanani;

2 Kino kiyaambe Abayisirayiri ab'omulembe omuggya abatalwanangako okukuguka mu by'entalo.

3 Ge gano: Abakungu abataano ab'Abafirisuuti, Abakanani bonna, Abasidoni, n'Abakiivi abaabeeranga ku lusozi Lebanooni, okuva ku lusozi Baalukerumoni okutuuka awayingirirwa mu Kamasi.

4 Era gaalekebwawo okugezesa Abayisirayiri obanga baligondera amateeka ga MUKAMA ge yalagira bajjajjaabwe ng'ayita mu Musa.

5 Abayisirayiri ne babeeranga wamu n'Abakanani, Abakiiti, Abamoli, Abakiivi n'aba Yebusi.

6 Ne bawasanga abawala ab'omu mawanga ago era ne bafumbizanga bawala baabwe eri abalenzi b'omu mawanga ago ne basinzanga ne bakatonda baabwe.

### *Okufuga kwa Osunieri*

7 Abayisirayiri ne bakola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ne beerabira MUKAMA Katonda waabwe ne basinzanga Babaali ne Baasera.

8 Noolwekyo MUKAMA n'asunguwalira nnyo Abayisirayiri, kyeyava abawaayo okuwangulwa n'okufugibwa kabaka Kusanurisasaimu ow'e Mesopotamiya okumala emyaka munaana.

9 Naye Abayisirayiri bwe baalaajanira MUKAMA, kyeyava abawa omulwanyi omuzira okubanunula erinnya lye Osunieri azaalibwa Kenezi muto wa Kalebu.

10 Osunieri n'ajjula Omwoyo wa MUKAMA n'akulembera Abayisirayiri, n'alumba Kusanurisaseyimu kabaka w'e Mesopotamiya era n'amuwangula kubanga MUKAMA yamuwaayo mu mikono gya Osunieri.

11 Awo ne wayitawo emyaka ana ng'Abayisirayiri bali mu mirembe okutuusa ddala Osunieri mutabani wa Kenazi lwe yafa.

### *Okufuga kwa Ekudi*

12 Ate era Abayisirayiri ne bakola ebibi mu maaso ga MUKAMA; kyeyava awa Eguloni kabaka wa Mowaabu amaanyi okubawangula olw'ebibi byabwe.

13 Ne yegatta n’Abamoni n’Abamaleki* ne balumba Abayisirayiri era ne babawambako ekibuga kyabwe eky’enkindu.

14 Abayisirayiri ne bafugibwa Egulooni kabaka wa Mowaabu emyaka kkumi na munaana.

15 Naye Abayisirayiri bwe baalaajanira MUKAMA, kyeyava abawa omulwanyi omuzira okubanunula ayitibwa Ekudi ow’enkonokono mutabani wa Gera ow’omu kika kya Benyamini; era oyo Abayisirayiri gwe baatuma okutwala ekirabo kyabwe eri Egulooni kabaka wa Mowaabu.

16 Ekudi ne yeewesezza ekitala ekirina obwogi erudda n’erudda nga kiweza sentimita ana mu ttaano obuwanvu. N’akyesiba ku kisambi kye ekya ddyo munda mu ngoye ze.

17 N’atwalira Egulooni kabaka wa Mowaabu ekirabo. Egulooni yali musajja munene nnyo.

18 Awo bwe yamala okuwaayo ekirabo, n’agobawo abajja bakyetisse.

19 Ekudi n’akoma awaali amayinja amoole kumpi ne Girugaali n’addayo eri Egulooni n’amugamba nti, “Nnina obubaka obw’ekyama gy’oli.” Kabaka n’agobawo bonna be yali nabo era ne bamuviira.

20 Awo kabaka bwe yali ng’atudde bw’omu mu nnyumba ye, mu kisenge ekya waggulu ekiweweevu, Ekudi n’amusemberera era n’amugamba nti, “Nnina obubaka obuva eri Katonda gy’oli.” Kabaka n’asituka mu ntebe ye.

21 Ekudi n’asowolayo ekitala kye n’omukono ogwa kkono ng’akiggya ku kisambi kye ekya ddyo n’akisogga kabaka mu lubuto;

22 ekitala kyonna n’ekiti kyakyo ne kimubuliramu, amasavu ne gakibuutikira era n’atayinza na kukisowolamu. Ebyenda bya kabaka ne biyiika.

23 Ekudi n’asibawo oluggi oluyingira mu kisenge ekya waggulu, n’afulumira mu mulyango ogw’emanju.

24 Bwe yali nga yakafuluma abaweereza ba kabaka ne bajja. Bwe baalaba nga enzigi nsibe ne balowooza nti, “Kabaka ateekwa okuba ng’agenze manju.”

25 Bwe baakoowa okulindirira ne baddira ekisumuluzo ne basumululawo, baagenda okulaba ng’omulambo gwa mukama waabwe guguddе bugazi mu kisenge.

26 Mu kiseera kye baamala nga balindirira kabaka okuggulawo Ekudi mwe yaddukira n’ayita ku mayinja amoole n’atuuka e Seyiri.

27 Bwe yatuuka mu kitundu eky’ensozi ekya Efulayimu n’akiyitamu nga bw’afuuwa ekkondeere, Abayisirayiri ne bamwegattako ye nga abakulembeddemu.

28 N’abagamba nti, “Mungoberere kubanga MUKAMA abawadde obuwanguzi ku balabe bammwe Abamowaabu.” Ne bamugoberera ne bawamba ekifo awasomokerwa ekyali kyolekedde aba Mowaabu ku mugga Yoludaani; Abayisirayiri ne bataganya muntu yenna kusomoka.

29 Ne batta ku basajja abalwanyi abazira aba Mowaabu mutwalo mulamba; teri n’omu ku bo yasimattuka.

30 Bwe batyo Abayisirayiri ne bajeemulula Abamowaabu ku lunaku olwo. Okuva ku olwo ensi n’ebaamu emirembe okumala emyaka kinaana.

*Samugali*

---

* **3:13** Abamoni baali bazzukulu ba Lutti (Lub 19:38), ate Abamaleki baali bazzukulu ba Esawu (Lub 36:12, 16). Baaliraananga Abayisirayiri ate nga be balabe baabwe abasingirayo ddala okuba abakambwe.

31 Omukulembeze eyaddira Ekudi mu bigere ye Samugali mutabani wa Anasi era naye yanunula Abayisirayiri. Ye wuuyo eyatta abasajja Abafirisuuti lukaaga nga yeeyambisa omuwunda gwe bagobesa ente nga zirima.

# 4

### *Okufuga kwa Debola*

1 Ekudi bwe yamala okufa Abayisirayiri ne bakola nate ebibi eri MUKAMA.
2 MUKAMA n'abawaayo mu mikono gya Yabini Kabaka wa Kanani, eyabeeranga e Kazoli; omuduumizi w'eggye lye nga ye Sisera eyabeeranga e Kalosesi eky'abamawanga.
3 Yabini yalina amagaali ag'ekyuma lwenda, era n'ajoogera Abayisirayiri emyaka amakumi abiri, kyebaava balaajaanira MUKAMA abayambe.
4 Awo Nnabbi Debola mukazi wa Leppidosi ye yali akulembera Abayisirayiri mu kiseera ekyo.
5 Era bulijjo yatuulanga wansi w'olukindu olwayitibwanga olwa Debola wakati w'e Lama ne Beseri mu kitundu kya Efulayimu eky'ensozi: Abayisirayiri ne bajjanga gyali okubalamula.
6 N'atumya Baraki mutabani wa Abinoamu ave mu Kedesi ekitundu kya Nafutaali, n'amugamba nti, "MUKAMA Katonda w'Abayisirayiri akulagidde nti, 'Ggenda okuŋŋaanyize abasajja bo ku lusozi Taboli, obalondemu omutwalo gumu okuva mu kika ekya Nafutaali n'ekya Zebbulooni.
7 Ndisindika gy'oli ku mugga Kisoni, Sisera omuduumizi w'eggye lya Yabini, n'amagaali ge n'abalwanyi be era ndibawaayo mu mikono gyo.' "
8 Baraki n'amuddamu nti, "Kale nnaagenda bw'onokkiriza ŋŋende naawe, naye bw'otokkirize nange siigende."
9 Debola n'amugamba nti, "Wewaawo nnaagenda naawe, naye ekitiibwa n'obuwanguzi tebiibe bibyo, kubanga MUKAMA aliwaayo Sisera awangulwe mu mikono gy'omukazi." Baraki n'addayo ne Debola e Kedesi.
10 Baraki n'ayita ab'ekika kya Zebbulooni n'ekya Nafutaali bakuŋŋaanire e Kedesi, abasajja omutwalo gumu ne bamugoberera awamu ne Debola.

### *Baraki awangula Sisera*

11 Keberi Omukeeni* yazimba eweema ye okumpi n'omuti omwera e Zaanannimu ekiri okumpi ne Kedesi oluvannyuma lw'okwawukana ne Bakeeni banne, bazzukulu ba Kobabu mukoddomi wa Musa.
12 Awo Sisera bwe yamanya nga Baraki mutabani wa Abinoamu atuuse ku Lusozi Taboli,
13 n'akuŋŋaanya amagaali ge gonna lwenda ag'ekyuma, n'abalwanyi be bonna okuva ku Kalosesi eky'abamawanga okutuuka ku mugga Kisoni.
14 Debola n'agamba Baraki nti, "MUKAMA si y'akukulembedde! Noolwekyo situkiramu kubanga olwa leero MUKAMA awaddeyo Sisera mu mikono gyo." Awo Baraki n'ava ku lusozi Taboli n'abalwanyi be omutwalo gumu.
15 MUKAMA n'afufuggaza n'ekitala Sisera n'amagaali gonna n'eggye lye lyonna nga Baraki alaba; Sisera n'abuuka mu ggaali lye, n'adduka.

---

* **4:11** Omukeeni Abakeeni baakolagananga nnyo n'Abayisirayiri okuviira ddala mu biseera bya Musa (Kuv 3:1). Baalwanira wamu n'Abayisirayiri, Abayisirayiri okuwangula ensi ya Kanani (Bal 1:16).

16 Baraki n'afubutula eggye lya Sisera n'amagaali gaalyo okutuuka
e Keloseesi eky'amawanga; era n'abatta n'ekitala obutalekaawo yadde
n'omu.

### *Okuttibwa Kwa Sisera*

17 Naye Sisera n'addukira eri eweema ya Yayeeri mukazi w'Omukeeni
Keberi: Kubanga waaliwo enkolagana wakati wa kabaka w'e Kazoli,
Yabini n'ab'omu maka g'Omukeeni Keberi.
18 Yayeeri n'afuluma okusisinkana Sisera; n'amugamba nti, "Mukama
wange yingira mu weema yange, totya." Sisera n'ayingira mu weema.
Yayeeri n'amubikkako omunagiro.
19 Namwegayirira nti, "Mpa ku tuzzi nnyweko kubanga ennyonta
enzita." N'asumulula eddiba omufukibwa amata n'amunywesa oluvan-
nyuma n'amubikkako.
20 Sisera n'agamba Yayeeri nti, "Yimirira mu mulyango gwa weema eno,
omuntu yenna bw'ajja n'akubuuza obanga muno mulimu omusajja yenna,
omuddamu nti, 'Temuli.' "
21 Awo Sisera bwe yali nga ali mu tulo tungi, Yayeeri mukazi
wa Keberi n'addira enkondo ya weema n'ennyondo n'amusooberera
n'amukomerera enkondo mu kyenyi, n'eyitamu n'ekwata n'ettaka n'afa.
22 Awo Baraki bwe yali nga anoonya Sisera, Yayeeri n'afuluma okumu-
sisinkana, n'amugamba nti, "Jjangu nkulage omusajja gw'onoonya. Baraki
n'ayingira mu weema n'alaba omulambo ggwa Sisera nga gukubiddwamu
enkondo mu kyenyi."
23 Ku lunaku olwo Katonda n'awa Abayisirayiri obuwanguzi ku Yabini
kabaka wa Kanani.
24 Abayisirayiri ne beeyongera okufufuggaza Yabini kabaka wa Kanani
okutuusa lwe bamuzikiririzza ddala.

## 5

### *Oluyimba lwa Debola*

1 Ku olwo Debola ne Baraki mutabani wa Abinoamu ne bayimba bwe
bati:
2 "Mutendereze MUKAMA
kubanga mu Isirayiri abakulembeze baatuukiriza omulimu gwabwe
n'abantu ne beewaayo nga baagala.

3 "Muwulirize mmwe bakabaka, musseeyo omwoyo mmwe abalangira;
nze kennyini, nze nnaayimbira MUKAMA;
nze nnaayimbira MUKAMA Katonda wa Isirayiri.

4 "MUKAMA, bwe wava e Seyiri,
bwe wava mu kitundu kya Edomu okutabaala,
ensi n'ekankana, enkuba n'eyiika okuva mu ggulu.
Weewaawo, ebire ne bifukumuka amazzi.
5 Ensozi ne zikankana awali MUKAMA, Oyo owa Sinaayi,
ne lukankana mu maaso MUKAMA Katonda w'Abayisirayiri.

6 "Ku mulembe gwa Samugali, mutabani wa Anasi,
ne ku mulembe gwa Yayeeri abatambuze tebaayitanga, mu nguudo
nnene,
baatambuliranga mu mpenda.
7 Abakulembeze mu Isirayiri baggwaawo

okutuusa nze Debola lwe nayimuka,
nga nnyina wa bonna mu Isirayiri.
8 Bwe beefunira abakulembeze* abalala,
entalo ne ziryoka zibalukawo mu Isirayiri.
Ku basajja Abayisirayiri emitwalo ena
kwaliko n'omu eyalina effumu oba engabo?
9 Omutima gwange guli eri abakulembeze b'Abayisirayiri,
n'eri abantu abeewaayo nga baagala.
Mutendereze MUKAMA.

10 "Mukyogereko mmwe,
abeebagala ku ndogoyi enjeru,
mmwe abatuula ku biwempe ebirungi ennyo,
nammwe abatambulira mu kkubo.
11 Wulira oluyimba lw'abantu ku luzzi,
nga batendereza obuwanguzi era n'ebikolwa bya MUKAMA eby'obutuukirivu,
ebikolwa bye eby'obutuukirivu nga akulembera Abayisirayiri.

"Awo abantu ba MUKAMA ne baserengeta,
ne bagenda ku miryango gy'ebibuga byabwe.
12 Zuukuka, zuukuka Debola
zuukuka, zuukuka, okulembere oluyimba;
golokoka, Baraki okulembere
abawambe bo nga basibiddwa, ggwe mutabani wa Abinoamu.

13 "Awo abakungu abaasigalawo
ne baserengeta,
abantu ba MUKAMA,
ne baserengeta okulwanyisa ow'amaanyi.
14 Awo abaava mu kitundu kya Efulayimu ne baserengeta mu kiwonvu,
nga bakugoberera ggwe, Benyamini, n'ab'ekika kyo.
Mu Makiri ne wavaayo abakulembeze, ne baserengeta,
ne mu kitundu kya Zebbulooni ne wavaayo abaduumizi.
15 Abalangira ba Isakaali baali wamu ne Debola;
era Isakaali yali wamu ne Baraki.
Ne bafubutuka okumugoberera mu kiwonvu.
Olw'enjawukana ezaali mu kika kya Lewubeeni,
waaliwo okusooka okufumiitiriza ennyo mu mitima gyabwe.
16 Kiki ekyakusigaza mu bisibo byo eby'endiga,
okuwuliriza endere zebafuuyira endiga?
Olw'enjawukana ezaali mu kika kya Lewubeeni,
waaliwo okusooka okufumiitiriza ennyo mu mitima gyabwe.
17 Ab'ekika kya Gireyaadi baasigala mitala wa Yoludaani.
N'ab'ekika kya Ddaani ekyabasigaza mu byombo kiki?
Ab'ekika kya Aseri; baasigala ku lubalama lw'ennyanja,
ne babeera awali emyalo gyabwe.
18 Ab'ekika kya Zebbulooni baawaayo obulamu bwabwe,
era n'ab'ekika kya Nafutaali mu ddwaniro.

* **5:8** abakulembeze, kyokka era Abayisirayiri baali bavudde ku Katonda omulamu nga bagoberera bakatonda abalala

19 “Ku mugga gw’e Megiddo mu Taanaki,
bakabaka bajja ne balwana,
bakabaka b’e Kanani baalwana.
Naye tebaanyaga bintu.
20 Emunyeenye zaalwana nga zisinziira mu ggulu,
zaalwanyisa Sisera nga bwe zetoloola mu bbanga.
21 Omugga Kisoni gwabasanyizaawo ddala,
omugga ogwo ogw’edda omugga Kisoni.
Ggwe emmeeme yange, kkumba n’amaanyi.
22 Awo embalaasi ne zijja nga zirigita
era nga bwe zisambirira ettaka, ensolo zaabwe ezo ez’amaanyi.
23 Malayika wa MUKAMA n’agamba nti, ‘Mukolimire Merozi†.
Mukolimire nnyo ababeera e Merozi;
kubanga tebeetaba mu lutalo lwa MUKAMA.
Tebaalwetabaamu nga MUKAMA Katonda alwanyisa ab’amaanyi.’

24 “Nga wa mukisa Yayeeri okusinga abakazi bonna!
Nga wa mukisa Yayeeri mukazi w’Omukeeni Keberi,
okusinga abakazi bonna ababeera mu weema!
25 Bwe yasaba amazzi, yamuwa mata,
era n’amuleetera n’omuzigo mu bbawulo ey’ekikungu.
26 Yakwata enkondo ya weema mu mukono gwe ogwa kkono,
n’ennyondo mu gwa ddyo,
n’akomerera Sisera enkondo
mu kyenyi n’eyita namu.
27 Amaanyi gaamuggwa n’agwa;
yagwa ku bigere bya Yayeeri
n’alambaala
we yagwa we yafiira.

28 “Nnyina wa Sisera yalingiriza mu ddirisa;
yayisa amaaso mu ddirisa, n’aleekaanira waggulu nti
‘Kiki ekirwisizza eggaali lye okujja?
Okuguluba kw’eggaali lye nga sikuwulira?’
29 Abazaana be abagezi baba tebanamuddamu
ne yeddamu yekka.
30 ‘Tebazudde omunyago era tebali mu kugugabana,
omuwala omu oba babiri buli musajja?
Sisera tufunye omunyago ogw’engoye enduke ez’amabala?
Eminagiro ebiri emiruke, egy’amabala tegiibe gyange?’

31 “Ayi MUKAMA Katonda abalabe bo bazikirirenga bwe batyo nga Sisera.
Naye abo bonna abakwagala bamasemasenga ng’enjuba
ey’akavaayo mu maanyi gaayo.”
Awo ne wayitawo emyaka ana nga Abayisirayiri bali mu mirembe.

# 6

## *Abamidiyaani balumba Abayisirayiri*

† **5:23** Merozi kyali kibuga mu Nafutaali; abantu baamu tebeetabanga mu kulwana ntalo newaakubadde okuwamba abalabe abawanguddwa, abalabe abo ne bwe baabanga badduka

1 Abayisirayiri ne bakola ebibi mu maaso ga MUKAMA Katonda.
N'abawaayo mu mikono gy'Abamidiyaani* okumala emyaka musanvu.
2 Abayisirayiri ne batulugunyizibwa nnyo Abamidiyaani. Kyebaava
beesimira empuku ne beetoolooza ebibuga byabwe agasenge.
3 Buli Abayisirayiri lwe baasiganga ensigo, Abamidiyaani, Abamaleki
n'abantu ab'ebuvanjuba ne babalumbanga.
4 Ne basiisira mu nsi eyo, ne bazikiriza ebirime byonna okutuusiza
ddala e Gaaza. Ne bawemmenta endiga, ente, endogoyi era tebaalekera
Bayisirayiri kantu konna.
5 Kubanga baayiikanga ng'enzige mu bungi nga tebabalika. Nga bajja
n'eweema, ente, n'eŋŋamira zaabwe. Bwe batyo ne bazikiriza ensi.
6 Abayisirayiri baajeezebwa nnyo Abamidiyaani, Abayisirayiri kyebaava
balaajaanira MUKAMA Katonda.

### *MUKAMA atuma Nnabbi*

7 Awo Abayisirayiri bwe baalaajanira MUKAMA olw'Abamidiyaani,
8 MUKAMA, n'atumira Abayisirayiri Nnabbi, n'abagamba nti, "MUKAMA
Katonda w'Abayisirayiri agamba bw'ati: nabakulembera okuva mu Misiri,
ne mbaggya mu nnyumba ey'obuddu,
9 ne mbanunula okuva mu mikono gy'Abamisiri, ne mu mikono gy'abo
bonna ababababonnyabonnyanga ne mbafuumuula ku lwammwe era ne
mbawa mmwe ensi yaabwe;
10 ne mbagamba nti, 'Nze MUKAMA Katonda wammwe, temussanga
kitiibwa mu bakatonda b'Abamoli, bannannyini nsi gye mubeeramu.'
Naye mmwe temugondedde ddoboozi lyange."

### *MUKAMA Ayita Gidyoni*

11 Malayika wa MUKAMA Katonda n'ajja mu Ofula, n'atuula wansi
w'omuti omwera ogwali ogwa Yowaasi ow'omu ssiga lya Abiezeri: ne
mutabani we Gidyoni yali akubira eŋŋaano mu ssogolero alyoke agikweke
Abamidiyaani.
12 Malayika wa MUKAMA Katonda n'amulabikira, n'amugamba nti,
"Ggwe omusajja omulwanyi namige. MUKAMA ali wamu naawe."
13 Gidyoni n'abuuza nti, "Ayi Mukama wange, obanga MUKAMA ali wamu
naffe, kale lwaki bino byonna bitutuuseeko? Eby'amagero eby'ekitalo
bajjajjaffe bye baatubuulirako nti, 'MUKAMA yatuggya mu Misiri, byo
biruwa?' Naye Kaakano MUKAMA Katonda atwabulidde era atuwaddeyo
mu mikono gy'Abamidiyaani."
14 MUKAMA Katonda n'amukyukira n'agamba nti, "Ggenda n'amaanyigo
g'olina, ononule Abayisirayiri mu mikono gy'Abamidiyaani: si nze
nkutumye?"
15 N'amuddamu nti, "Ayi Mukama wange, nnyinza ntya okununula
Abayisirayiri? Kubanga essiga mwe nva lye lisinga okunyoomebwa mu
kika kya Manase ate nze nsembayo obuto mu maka ga kitaffe."
16 MUKAMA n'amugamba nti, "Ndibeera wamu naawe, era olifufuggaza
Abamidiyaani ng'olinga akuba omuntu omu."
17 Gidyoni n'amuddamu nti, "Obanga nsiimiddwa mu maaso go mpa
obukakafu nga ddala ggwe wuuyo ayogera nange.

* **6:1** Abamidiyaani baali bazzukulu ba Ibulayimu ne Ketula, omukyala gwe yawasa oluvannyuma lw'okufa kwa Saala (Lub 25:2)

18 Nkwegayiridde, tova wano, ka ŋŋende nkuleetere ekirabo kyange
nkiteeke mu maaso go." MUKAMA n'agamba nti, "Kale kambeere wano
okutuusa lw'onookomawo."

### *Ekiweebwayo Kya Gidyoni Kisiimibwa*

19 Gidyoni n'ayingira mu nju ye, n'atta omwana gw'embuzi
n'ateekateeka n'emigaati egitazimbulukuswa ng'akozesa kilo abiri
ez'obuwunga bw'eŋŋaano. Ennyama n'agiteeka mu kibbo; ne
guleevi waayo ne bamussa mu kibya, n'abimuleetera wansi w'omwera
n'abimuwa.
20 Naye malayika wa Katonda n'amulagira nti, "Ddira ennyama
n'emigaati egitazimbulukuswa obiteeke ku jjinja lino obifukeko guleevi."
Gidyoni n'akola bw'atyo.
21 Awo malayika wa MUKAMA Katonda n'akoma ku nnyama ne ku
migaati egitazimbulukuswa nga yeeyambisa omuggo gwe yalina. Omuliro
ne guva mu jjinja ne gububuuka ne gwokya ennyama n'emigaati egitaz-
imbulukuswa byonna ne bisaanawo. Amangwago malayika wa MUKAMA
n'abulawo.
22 Gidyoni n'ategeera ng'oyo abadde malayika wa MUKAMA; Gidyoni
n'agamba nti, "Zinsanze, Ayi MUKAMA Katonda, kubanga tulabaganye ne
malayika wa MUKAMA maaso ku maaso."
23 Naye MUKAMA Katonda n'amugamba nti, "Emirembe gibe ku ggwe
tootya tojja kufa."
24 Gidyoni n'azimbira MUKAMA Katonda ekyoto mu kifo ekyo;
n'akituuma erinnya Yakuwasalumu (MUKAMA gy'emirembe); n'okutuusa
kaakano kikyaliyo mu Ofula eky'ab'omu ssiga lya Abiezeri.

### *Gidyoni azikiriza ekyoto kya Baali*

25 Ekiro ekyo MUKAMA Katonda n'agamba Gidyoni nti, "Mmennya ekyoto
kwe basinziza Baali, ofuneyo ente eya sseddume ensava eddirira esinga
obulungi okuva mu kiraalo kya kitaawo; otemeeteme ekifaananyi ekibajje
ekya Asera ekiriraanye ekyoto kya Baali:
26 mu kifo ekyo kungulu ozimbireko MUKAMA Katonda wo ekyoto mu
nzimba entuufu eyalagirwa, oddire ente eyo eya sseddume gy'oggye mu
kiraalo kya kitaawo ogiweeyo ng'ekiweebwayo ekyokebwa ng'ogyokya
n'ebibajjo by'ekifaanannyi kya Asera."
27 Awo Gidyoni n'atwala kkumi ku baddu be, n'akola nga MUKAMA bwe
yamulagira, naye kino yakikola kiro olw'okutya ab'omu nju ya kitaawe
n'abantu abalala ab'omu kibuga.
28 Abantu b'omu kibuga baagenda okugolokoka ku nkya mu makya, nga
ekyoto kwe baasinzizanga Baali kimenyeddwamenyeddwa, n'ekifaananyi
kya Asera ekyakiri okumpi nga nakyo kitemeddwatemeddwa, n'ente eya
ssava ng'eweereddwayo ku kyoto ekiggya.
29 Ne beebuuza nti, "Ani akoze kino?"
Awo bwe babuuliriza, ne bategeezebwa nti, "Gidyoni mutabani wa
Yowaasi y'akikoze".
30 Abantu b'omu kibuga ne bagamba Yowaasi nti, "Ffulumya mutabani
wo tumutte, kubanga amenyeemenye ekyoto kwetusinziza Baali; ate era
n'atemaatema n'ekifaananyi kya Asera ekibadde kikiriraanye."
31 Yowaasi n'addamu ekibinja ky'abantu abaali bamulumbye nti, "Mwa-
gala kulwanirira Baali? Mwagala kuwagira bigendererwa bye? Omuntu
yenna ayagala okumulwanirira wa kuttibwa nga obudde tebunakya;

obanga ddala Baali ye Katonda, yerwanirire yekka, kubanga ekyoto kye kyamenyeddwamenyeddwa.”
32 Okuva ku olwo Gidyoni ne bamukazaako erya Yerubbaali ekitegeeza nti, “Baali amulwanyise.” Kubanga yamenyaamenya ekyoto kya Baali.
33 Awo Abamidiyaani, Abamaleki n’abantu b’ebuvanjuba ne beegatta bonna ne basomoka omugga Yoludaani ne basiisira mu kiwonvu ky’e Yezuleeri.
34 Omwoyo wa MUKAMA Katonda n’akka ku Gidyoni; n’afuuwa ekkondeere ng’ayita ab’essiga lya Abiyezeeri bamugoberere.
35 N’atuma ababaka eri ab’ekika kya Manase nabo bamugoberere. N’atuma n’ababaka abalala eri ab’ekika kya Aseri, n’ekya Zebbulooni n’ekya Nafutaali bamusisinkane.

### *Gidyoni asaba Katonda Obukakafu*

36 Awo Gidyoni n’agamba Katonda nti, “Obanga olinunula Abayisirayiri ng’oyita mu nze nga bwe wasuubiza,
37 ka nteeke ebyoya by’endiga mu kifo awakubirwa eŋŋaano; bwe binaatoba omusulo naye ng’ettaka eribyetoolodde lyo kkalu, ne ndyoka nkakasa ddala ng’olinunula Abayisirayiri ng’oyita mu nze nga bwe wasuubiza.”
38 Ddala bwe kityo bwe kyali; kubanga Gidyoni bwe yagolokoka enkeera mu makya ebyoya by’endiga n’abikamulamu omusulo ne muvaamu ekibya kiramba eky’amazzi.
39 Gidyoni n’agamba Katonda nti, “Nkwegayiridde tonsunguwalira, kankusabe obukakafu omulundi omulala gumu gwokka. Ku luno njagala ebyoya by’endiga bye biba bibeera ebikalu, ettaka eribyetoolodde litobe omusulo.”
40 Ekiro ekyo Katonda n’akola nga Gidyoni bwe yamusaba, ebyoya by’endiga ne biba bikalu, lyo ettaka eribyetoolodde ne litoba omusulo.

## 7

### *Gidyoni ayungula abalwanyi ebikumi bisatu*

1 Awo Gidyoni gwe baakazaako erya Yerubbaali, ne be yali nabo bonna, ne bakeera mu makya, ne basiisira ku luzzi Kalodi; Olusiisira lwa Bamidiyaani lwali mu bukiika obwa kkono mu kiwonvu, kumpi n’olusozi Mole.
2 MUKAMA Katonda n’agamba Gidyoni nti, “Abalwanyi bo basusse obungi; nze sibaganye kuwangula Abamidiyaani, Abayisirayiri baleme okwennyumiriza nti amaanyi gaabwe ge gabawanguzza.
3 Noolwekyo kaakano genda olangirire eri abalwanyi bo nti, ‘Buli mutiitiizi yenna n’oyo akankana, ave ku lusozi luno Gireyaadi addeyo ewuwe.’ ” Abalwanyi emitwalo ebiri mu enkumi bbiri ne baddayo ewaabwe, ne wasigalawo omutwalo gumu.
4 MUKAMA Katonda n’agamba Gidyoni nti, “Era abalwanyi bo bakyasusse obungi, baserengese ku mugga, eyo gye naabayunguliramu abasaanidde okugenda naawe n’abatasaanidde.”
5 Awo Gidyoni n’aserengesa abalwanyi ku mugga, MUKAMA Katonda n’amugamba nti, “Buli mulwanyi anaasena amazzi n’engalo ze era n’aganywa ng’embwa mwawule okuva mu abo abanaafukamira ku mugga ne bakubamu emimwa ne banywa.

6 Abo bonna abaasena amazzi n'engalo zaabwe ne baganywa ng'embwa
baali ebikumi bisatu, naye abalala bonna baafukamira ku mugga ne
bakubamu emimwa okunywa."
7 MUKAMA Katonda n'agamba Gidyoni nti, "Nzija kubanunula era mbawe
n'obuwanguzi ku ba Midiyaani nga nkozesa abalwanyi ebikumi ebisatu
abaanywedde amazzi ng'embwa, naye abo bonna abasigaddewo bagambe
beddireyo ewaabwe."
8 Awo Gidyoni n'asigaza abalwanyi be ebikumi ebisatu, bali abalala
n'abakuŋŋaanyaako emmere n'amakondeere gaabwe, n'abalagira ne
beddirayo ewaabwe.
Olusiisira lw'Abamidiyaani lwamuli kyemmanga mu kiwonvu.
9 Ekiro ekyo MUKAMA Katonda n'amulagira nti, "Situkiramu olumbe
eggye ly'Abamidiyaani mu lusiisira kubanga mbawaddeyo mu mikono
gyo.
10 Naye obanga otya okubalumba genda ne Pula omuweerezaawo:
11 era bw'onoowulira bye boogera onoofuna obuvumu okubalumba.
Gidyoni n'omuweereza we Pula ne basemberera olusiisira
lw'Abamidiyaani."
12 Abamidiyaani, Abamaleki n'Abamawanga amalala ag'ebuvanjuba
abaali mu kiwonvu, mu bungi baali ng'enzige; era n'eŋŋamira zaabwe mu
bungi, nga ziri ng'empeke z'omusenyu oguli ku lubalama lw'ennyanja.
13 Gidyoni aba atuuka bw'ati ku lusiisira n'awulira omukuumi
ng'ategeeza munne ekirooto nti, "Naloota nga omugaati gwa sayiri
guyiringise, gutomedde eweema ne yevuunika."
14 Munne n'amuddamu nti, "Ekyo si kirala wabula kitala ky'omusajja
Omuyisirayiri Gidyoni mutabani wa Yowaasi. Era oyo Katonda amuwadde
obuwanguzi ku ba Midiyaani n'eggye lyaffe lyonna."
15 Gidyoni bwe yamala okuwulira ekirooto ekyo n'amakulu gaakyo,
n'avuunama n'asinza MUKAMA Katonda; era n'addayo mu lusiisira
lw'Abayisirayiri n'abalagira nti, "Musitukiremu; kubanga MUKAMA
abawadde obuwanguzi ku ggye ly'Abamidiyaani."
16 Awo Abasajja bali ebikumi ebisatu n'abawulamu ebibinja bisatu, buli
omu ku bo n'amukwasa ekkondeere n'ensuwa ng'erimu ekitawuliro.
17 N'abagamba nti, "Munnekalirize, bwe tunaaba tunaatera okutuuka
ku lusiisira buli kye nnaakola nammwe nga mukikola.
18 Nze n'abo benaabeera nabo, bwe tunaafuuwa amakondeere gaffe,
nammwe ne mufuuwa agammwe, ne muleekaanira waggulu nti, 'Ku lwa
MUKAMA Katonda ne ku lwa Gidyoni.' "

### *Aba Midiyaani balinnyibwa ku nfeete*

19 Eyo mu ttumbi nga Abamidiyaani baakajja bakyuse ekibinja
ky'abakuumi, Gidyoni n'abalwanyi ekikumi be yali nabo, ne basemberera
olusiisira, ne bafuuwa amakondeere, ne baasa n'ensuwa ze baali bakutte.
20 Ebibinja ebirala nabo ne bafuuwa amakondeere, ne baasa en-
suwa zaabwe, ne bakwata ebitawuliro mu mikono gyabwe egya kkono,
n'amakondeere mu mikono gyabwe egya ddyo, ne bafuuwa nga bwe
baleekaanira waggulu nti, "Ekitala kya MUKAMA Katonda era n'ekya
Gidyoni."
21 Buli mulwanyi n'ayimirira mu kifo kye okwetooloola olusiisira: eggye
lyonna ery'Abamidiyaani ne bafubutuka nga bwe baleekaanira waggulu.
22 Awo amakondeere ebikumi ebisatu bwe gaafuuyibwa, MUKAMA
Katonda n'atabulatabula Abamidiyaani ne battiŋŋana bokka na bokka

n'ebitala byabwe era n'eggye lyabwe lyonna ne lifubutulwa oku-
tuukira ddala e Besusitta okwolekera e Zerera, era n'okutuukira ddala
Aberumekola okumpi ne Tabbasi.

23 Abalwanyi ba Isirayiri bonna okuva mu kika ekya Nafutaali n'ekya
Aseri n'ekya Manase, ne bakoowoolebwa okuwondera Abamidiyaani.

24 Gidyoni n'asindika ababaka okubuna ekitundu kyonna ekya Efu-
layimu eky'ensozi: babalagire nti, "Muserengete era muwondere
Abamidiyaani, mubasooke okwekwata omugga Yoludaani era n'enzizi
okutuukira ddala e Besubata."

Awo abalwanyi bonna ab'omu kika kya Efulayimu ne bakoowoolwa, ne
bawamba omugga Yoludaani n'enzizi zonna okutuukira ddala e Besubata.

25 Ne bawamba Olebu ne Zeebu bombi abalangira ba Midiyaani; Olebu
ne bamuttira ku lwazi olumanyiddwa nga "Olwazi lwa Olebu" ne Zeebu
ne bamuttira ku ssogolero erimanyiddwa nga "essogolero lya Zeebu", ne
bongera okuwondera Abamidiyaani. Omutwe gwa Olebu n'ogwa Zeebu,
Gidyoni ne bagimusanza emitala wa Yoludaani.

# 8

1 Awo abasajja ba Efulayimu ne babuuza Gidyoni nti, "Lwaki watuyisa
bw'otyo, n'ototuyita bwe wagenda okulwana ne Midiyaani?" Ne ba-
munenya nnyo.

2 Naye n'abaddamu nti, "Kiki kye nkoze okugeraageranya nammwe
kye mukoze? Amakungula ga Efulayimu tegasinga ezabbibu Abiyezeeri
z'akungudde?

3 Katonda yagabula Olebu ne Zeebu abakulembeze ba Midiyaani mu
mukono gwammwe. Kiki kye nandiyinzizza okukola okugeraageranya
nammwe?" Awo bwe yabagamba ebigambo ebyo ne bakkakkana.

4 Awo Gidyoni n'abasajja be ebikumi bisatu, nga bakooye, naye nga
bakyabawondera, ne batuuka ku Yoludaani ne basomoka.

5 N'agamba abasajja ab'omu Sukkosi nti, "Muwe ku basajja bange,
ekyokulya, bakooye. Mpondera Zeba ne Zalumunna bakabaka ba
Midiyaani."

6 Naye abakungu ab'omu Sukkosi ne bamuddamu nti, "Eggye lyo limaze
okuwamba Zeba ne Zalumunna tulyoke tubawe emmere?"

7 Awo Gidyoni n'abaddamu nti, "Kale olw'ekyo kye muŋŋambye,
MUKAMA Katonda bw'aligabula Zeba ne Zalumunna mu mukono
gwange, ndiyuza emibiri gyammwe n'amaggwa ag'omu ddungu
n'emyeramannyo."

8 Bwe yava eyo, n'ayambuka n'alaga e Penieri*, n'abasaba ekintu kye
kimu. Naye abantu b'e Penieri ne bamuddamu ng'abasajja ab'omu
Sukkosi bwe bamuddamu.

9 Kyeyava agamba abantu b'e Penieri nti, "Bwe ndikomawo emirembe,
ndimenyaamenya omunaala guno."

10 Zeba ne Zalumunna baali mu Kalukoli n'eggye lyabwe ery'abasajja
ng'omutwalo gumu n'ekitundu, nga be bantu abaasigalawo ku ggye
lyonna ery'abantu ab'obuvanjuba. Abasajja ng'emitwalo kkumi n'ebiri
abaasowolanga ebitala be baali bafudde.

11 Awo Gidyoni n'ayambukira mu kkubo ly'abo ababeera mu weema
ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'e Noba n'e Yogubeka n'alumba eggye nga
teritegedde.

* **8:8** Penieri ky'ekifo Yakobo gye yamegganira ne Katonda.

12 Zeba ne Zalumunna ne badduka, naye n'abawondera, era n'awamba
bakabaka bombi aba Midiyaani, n'awangulira ddala eggye lyabwe lyonna.
13 Awo Gidyoni mutabani wa Yowaasi n'akomawo okuva mu lutalo
ng'ayitira mu Lukuubo lwa Keresi.
14 N'asangiriza omuvubuka ow'oku bantu ab'omu Sukkosi, n'abaako
by'amubuuza. Omuvubuka n'amuwandiikira amannya g'abakungu
ab'omu Sukkosi, abakadde nsanvu mu musanvu.
15 Gidyoni n'alyoka ajja eri abasajja ab'omu Sukkosi n'abagamba nti,
“Zeba ne Zalumunna baabo be mwasinzirako okundulira nga muŋŋamba
nti, temuyinza kuwa basajja bange abaali bakooye mmere, nga sirina Zeba
ne Zalumunna mu mukono gwange.”
16 N'akwata abakadde b'ekibuga n'addira amaggwa ag'omu ddungu
n'emyeramannyo n'abonereza abasajja ab'omu Sukkosi.
17 N'agenda n'e Penieri n'amenyaamenya omunaala gwa Penieri, n'atta
n'abasajja b'omu kibuga.
18 N'alyoka abuuza Zeba ne Zalumunna nti, “Abasajja be mwattira e
Taboli baali bafaanana batya?” Ne bamuddamu nti, “ggwe nga bw'oli
nabo bwe baali. Buli omu yali afaanana abalangira.”
19 N'abaddamu nti, “Abo baali baganda bange, abaana ba mmange.
Mukama Katonda nga bw'ali omulamu, singa mwabalekawo, sandi basse
mmwe.”
20 Awo n'agamba Yeseri mutabani we omubereberye nti, “Golokoka
obatte.” Naye omuvubuka oyo n'atasowolayo kitala kye okubatta. Yatya
kubanga yali akyali mulenzi bulenzi.
21 Zeba ne Zalumunna ne boogera nti, “Ggwe jjangu otutte, kubanga
ng'omusajja bw'ali, n'amaanyi ge bwe genkana. Gidyoni n'agolokoka
n'atta Zeba ne Zalumunna, n'atwala n'ebyali bitimbiddwa mu bulago
bw'eŋŋamira zaabwe.”
22 Awo abantu ba Isirayiri ne bagamba Gidyoni nti, “Tufugire ddala ggwe
ne mutabani wo, kubanga otulokodde okuva mu mukono gwa Midiyaani.”
23 Naye Gidyoni n'abaddamu nti, “Nze sijja kubafuga, so ne mutabani
wange tajja kubafuga, wabula Mukama y'anaabafuganga.”
24 Gidyoni n'abagamba nti, “Mbasaba ekintu kimu; buli omu ku mmwe
ampe empeta ze yanyaga ku Bayisimayiri.”
25 Ne bamuddamu nti, “Okuzikuwa tujja kuzikuwa.” Ne bayalirira
olugoye wansi, buli omu n'ateekako empeta ze yanyaga.
26 Obuzito bw'empeta eza zaabu ne buba sekeri lukumi mu lusanvu
(nga kilo kkumi na mwenda n'ekitundu), obutabalirako bya kwewoomya,
ebirengejja, n'ebyambalo ebya ffulungu, ebyayambalwanga bakabaka
ba Midiyaani, n'emikuufu egyateekebwanga mu bulago bw'eŋŋamira
zaabwe.
27 Awo Gidyoni n'addira zaabu n'amusaanuusa n'amukolamu eki-
faananyi eky'ekkanzu (efodi), n'akiteeka mu kibuga kye Ofula. Abay-
isirayiri bonna ne bakivuunamiranga ne bakisinzanga, era ne kifuukira
Gidyoni n'enju ye yonna omutego.
28 Awo Midiyaani n'ewangulwa abaana ba Isirayiri, era n'etaddayo
kubalumba. Ensi n'eba n'emirembe okumala emyaka amakumi ana,
Gidyoni gye yabalamula.
29 Yerubbaali ye Gidyoni mutabani wa Yowaasi, n'addayo ewaabwe.
30 Gidyoni yazaala abaana aboobulenzi nsanvu mu bakazi abangi be
yalina.

31 N'omuzaana we ow'omu Sekemu yamuzaalira omwana wabulenzi,
era n'amutuuma Abimereki.
32 Awo Gidyoni mutabani wa Yowaasi n'afa, ng'akaddiye bulungi,
n'aziikibwa mu ntaana ya kitaawe Yowaasi mu Ofula eky'Ababiezeri.
33 Gidyoni nga y'akafa, abaana ba Isirayiri ne bakyuka okusinza babaali
ne bafuula Baaluberisi† katonda waabwe.
34 Abaana ba Isirayiri ne batajjukira MUKAMA Katonda waabwe eya-
balokola okuva mu mukono gw'abalabe baabwe bonna ku njuyi zonna.
35 Ne batalaga kusiima eri ab'enju ya Yerubbaali, ye Gidyoni,
olw'ebirungi byonna bye yakolera Isirayiri.

# 9

1 Abimereki mutabani wa Yerubbaali n'agenda e Sekemu eri baganda
ba nnyina n'eri ab'ekika bonna, ab'ennyumba ya kitaawe, n'ennyumba
ya nnyina n'abagamba nti,
2 "Mubuuze kaakano ng'abatuuze b'e Sekemu bonna bawulira nti,
'Kiki ekisingako obulungi? Batabani ba Yerubbaali bonna ensanvu
okubafuganga oba omuntu omu y'aba abafuganga?' Mujjukire nti ndi wa
musaayi gwammwe."
3 Awo baganda ba nnyina ne bategeeza abatuuze b'e Sekemu ebintu
ebyo byonna. Ab'e Sekemu ne basalawo okugoberera Abimereki nga bwe
bagamba nti, "Muganda waffe."
4 Ne bamuwa ebitundu bya ffeeza ebya sekeri nsanvu* okuva mu ssabo
lya Baaluberisi. Abimereki n'apangisa abayaaye n'abantu abataalina bya
buvunaanyizibwa ne bamugoberera.
5 N'alaga mu nnyumba ya kitaawe mu Ofula n'addira baganda be,
batabani ba Yerubbaali nsanvu n'abattira ku jjinja. Naye omu ku
baana abo omuto ayitibwa Yosamu mutabani wa Yerubbaali, n'adduka
ne yeekweka.
6 Awo abatuuze bonna ab'e Sekemu n'e Besimiiro ne bakuŋŋaana
ne batikkira Abimereki ng'ayimiridde okuliraana omuti omunene, ne
bamufuula kabaka mu Sekemu.
7 Awo Yosamu bwe baamugamba ebigambo ebyo, n'alinnya ku ntikko
y'olusozi Gerizimu n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba
nti, "Mumpulirize abatuuze b'e Sekemu, Katonda alyoke abawulirize.
8 Emiti gy'agenda okulonda kabaka, ne gigamba omuzeyituuni nti, 'Ba
kabaka waffe.'
9 Naye omuzeyituuni ne gubaddamu nti, 'Ndekeyo okuvaamu amafuta
ag'omuzeeyituuni agampeesa balubaale n'abantu ekitiibwa, ŋŋende
okuyuuguumya emiti?'
10 Awo ne giraga eri omutiini ne gigugamba nti, 'Ggwe jjangu obeere
kabaka waffe.'
11 Naye nagwo ne guddamu nti, 'Ndekeyo okuvaamu obuwoomi
n'ekibala ekirungi, ŋŋende okuyuuguumya emiti?'
12 Awo ne giraga eri omuzabbibu ne gigugamba nti, 'Ggwe jjangu obeere
kabaka waffe.'
13 Naye omuzabbibu ne gubaddamu nti, 'Ndekeyo okuvaamu wayini
asanyusa balubaale n'abantu, ŋŋende okuyuuguumya emiti?'

† **8:33** Baaluberisi yali lubaale ng'essabo lye liri mu Sekemu * **9:4** ebitundu bya ffeeza ebya sekeri nsanvu byenkana gulaamu lunaana

14 Awo emiti gyonna ne gigamba omweramannyo nti, 'Jjangu obeere kabaka waffe.'
15 Awo omweramannyo ne gugamba emiti nti, 'Bwe muba nga ddala munnonda okuba kabaka wammwe, mujje mwewogome mu kisiikirize kyange. Naye bwe kitaba kityo, omuliro guve mu mweramannyo gusaanyeewo emivule gy'omu Lebanooni.'
16 "Kale nno obanga mwakola kya kitiibwa era mu mutima omulungi ne mufuula Abimereki kabaka, era bwe muba nga mwalaga obwenkanya eri Yerubbaali n'ennyumba ye, ne mumukola nga bwe kyamusaanira,
17 kubanga kitange yabalwanirira, n'awaayo obulamu bwe, n'abawonya mu mukono gwa Midiyaani,
18 naye mmwe ne mujeemera ennyumba ya kitange ne muttira batabani be nsanvu ku jjinja limu, ne mufuula Abimereki omwana w'omuddu omukazi, kabaka w'abatuuze ab'omu Sekemu, kubanga ye muganda wammwe,
19 era bwe muba nga mwakola kya kitiibwa era nga mwakikola mu mutima omulungi ne muyisa Yerubbaali n'ennyumba ye bwe mutyo, kale Abimereki asanyuke, era nammwe abasanyuse.
20 Naye bwe kitaba bwe kityo, omuliro guve mu Abimereki, gusaanyeewo abatuuze b'omu Sekemu n'ab'e Besimiiro, ate era omuliro guve mu batuuze ab'omu Sekemu ne mu Besimiiro gusaanyeewo Abimereki."
21 Oluvannyuma lw'ebyo, Yosamu n'adduka n'alaga e Beeri, n'abeera eyo olw'okutya muganda we Abimereki.
22 Awo Abimereki n'afuga Isirayiri okumala emyaka esatu.
23 Katonda n'akyawaganya Abimereki n'abatuuze b'omu Sekemu, ne balya mu Abimereki olukwe,
24 Katonda ng'awoolera eggwanga olw'ekikolwa eky'okutta batabani ba Yerubbaali ensanvu, n'omusaayi gwabwe ng'aguteeka ku Abimereki muganda waabwe eyabatta ng'ayambibwako abatuuze b'omu Sekemu.
25 Abatuuze b'omu Sekemu ne bassaawo abasajja ku nsozi babbenga era banyagululenga buli eyayitanga mu kkubo. Abimereki n'ategeezebwa.
26 Awo Gaali mutabani wa Ebedi n'ajja ne baganda be mu Sekemu, abatuuze b'omu Sekemu, ne batanula okumwesiga.
27 Ne balaga mu nnimiro ne bakungula ezzabbibu zaabwe, ne basogola omubisi, n'oluvannyuma ne bakola embaga mu ssabo lya katonda waabwe, ne balya ne banywa ne bakolimira Abimereki.
28 Awo Gaali mutabani wa Ebedi n'ayogera nti, "Abimereki ye ani? Ab'omu Sekemu be baani okumuweereza? Si ye mutabani wa Yerubbaali, era Zebbuli si ye mumyuka we? Muweereze abantu ba Kamoli, kitaawe wa Sekemu. Lwaki tuweereza Abimereki?
29 Ani ayinza okumpa obuyinza okukulembera abantu bano, olwo ndyoke nziggyewo Abimereki? Era nzija kumusoomooza nga mugamba nti, 'Kuŋŋaanya eggye lyo, otulumbe.' "
30 Awo Zebbuli omukulu w'ekibuga bwe yawulira ebigambo bya Gaali mutabani wa Ebedi, n'asunguwala nnyo.
31 N'aweereza ababaka eri Abimereki mu kyama okumugamba nti, "Laba Gaali mutabani wa Ebedi, ne baganda be bazze mu Sekemu. Basekeeterera ekibuga okukulwanyisa.
32 Kaakano, ggwe jjangu mu kiro n'abasajja bo muteegere mu nnimiro.
33 Mu makya enjuba ng'evaayo, onoogolokoka n'olumba ekibuga. Onoomulumba ye n'abantu abali naye abajja okukulumba, ggwe olyoke obakole ekyo omukono gwo kye guteekeddwa okukola."

34 Awo Abimereki n'abasajja be ne bagolokoka mu kiro ne bagenda ne beekweka mu bibanja bina okumpi n'e Sekemu.
35 Gaali mutabani wa Ebedi n'afuluma n'ayimirira mu mulyango gwa wankaaki w'ekibuga, ne Abimereki n'abasajja be nabo ne bavaayo gye baali beekwese.
36 Awo Gaali bwe yabalaba, n'agamba Zebbuli nti, "Laba abantu nga bava ku nsozi waggulu!" Zebbuli n'amuddamu nti, "Ebisiikirize eby'ensozi by'olaba ng'abantu."
37 Naye Gaali n'ayogera nate nti, "Laba, abantu bajja nga bayitira mu muwaatwa gw'ensi, n'ekibinja ekimu kifuluma mu kkubo ery'omwera ogw'abafumu."

38 Awo Zebbuli n'alyoka amugamba nti, "Biki bye wali oyogera bwe wagamba nti, 'Abimereki ye ani ffe okumuweereza?' Abo si be bantu be wanyooma? Kaakano genda obalwanyise."
39 Awo Gaali n'akulembera abatuuze b'omu Sekemu okulwanyisa Abimereki.
40 Abimereki n'amugoba, ne Gaali n'amudduka, era bangi ne batuusibwako ebiwundu, era ne bagwa ku mulyango gwa wankaaki.
41 Abimereki n'abeera mu Aluma. Zebbuli n'agoba Gaali ne baganda be mu Sekemu baleme kubeerangamu.

42 Ku lunaku olwaddirira, Abimereki n'ategeezebwa ng'abantu bwe bagenda okulima.
43 Awo n'addira abasajja be n'abaawulamu ebibinja bisatu, n'ateegera abantu mu nnimiro. Bwe yalaba ng'abantu bafuluma ekibuga balage mu nnimiro, n'abalumba.
44 Abimereki n'ekibinja kye yali nakyo ne banguwa okuwamba omulyango gwa wankaaki w'ekibuga, ate ebibinja ebibiri byo ne byanguwa okulaga mu nnimiro ne batta abaaliyo.
45 Abimereki n'azibya olunaku olwo ng'alwanyisa ab'omu kibuga, n'akiwamba, n'abaalimu n'abatta, n'ekibuga n'akizikiriza, n'akiyiwamu n'omunnyo.

46 Olwawulira ebyo, abatuuze abaali mu kigo kya Sekemu, ne baddukira mu ssabo lya Eruberisi.
47 Awo bwe baategeeza Abimereki nti abatuuze b'omu Sekemu baali bakuŋŋaanidde mu kigo kya Sekemu,
48 ye n'abasajja be ne balinnya ku lusozi Zalumoni, n'akwata embazi n'atema ettabi n'alyetikka ku kibegabega. N'alagira n'abasajja be yali nabo ng'abagamba nti, "Mwanguwe, mukole nga bwe nkoze."
49 Buli omu ku bo n'atema ettabi n'alyetikka, ne bagoberera Abimereki. Ne bagatuuma ku kigo, ne bakikumako omuliro. Abantu bonna abaali mu kigo kya Sekemu, be basajja n'abakazi nga lukumi ne bafiiramu.

50 Awo Abimereki n'agenda e Sebezi, n'asiisira okwetooloola ekibuga ekyo era n'akiwamba.
51 Mu kibuga ekyo mwalimu ekigo eky'amaanyi, era abantu bonna abasajja n'abakazi ab'omu kibuga ne baddukira omwo ne beggaliramu. Ne balinnya ku kasolya k'ekigo.
52 Abimereki n'alumba ekigo, naye bwe yali ng'akisemberedde, akume omuliro ku mulyango gwakyo,
53 ne wabaawo omukazi omu eyakasuka olubengo ku mutwe gwa Abimereki, n'amwasa omutwe.

54 Amangwago Abimereki n'agamba eyasitulanga ebyokulwanyisa bye
nti, "Sowola ekitala kyo onzite, si kulwa nga kinjogerwako nti nattibwa
mukazi." Omuddu we n'amufumita ekitala n'afa.
55 Awo abantu ba Isirayiri bwe baalaba nga Abimereki afudde, buli omu
n'addayo ewuwe.
56 Katonda bw'atyo n'awalana eggwanga olw'obutali butuukirivu bwa
Abimereki, olwa Abimereki okutta abaana ba kitaawe, abooluganda
nsanvu.
57 Katonda n'abonereza n'abantu b'omu Sekemu olw'obutali bu-
tuukirivu bwabwe bwonna, n'atuukiriza n'ekikolimo Yosamu mutabani
wa Yerubbaali kye yabakolimira.

# 10

### *Okufuga kwa Toola*

1 Awo oluvannyuma lwa Abimereki, ne wabaawo Toola mutabani wa
Puwa, era muzzukulu wa Dodo, omusajja wa Isakaali eyajja okulokola
Isirayiri, eyabeeranga mu Samiri mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi.
2 N'akulembera Isirayiri okumala emyaka amakumi abiri mu esatu,
n'aziikibwa mu Samiri.

### *Okufuga kwa Yayiri*

3 Oluvannyuma lw'oyo ne wabaawo Yayiri Omugireyaadi, eyakulembera
Isirayiri okumala emyaka amakumi abiri mu ebiri.
4 Yalina abaana aboobulenzi amakumi asatu abeebagalanga endogoyi
amakumi asatu, era baafuganga ebibuga amakumi asatu, mu nsi ya
Gireyaadi ebiyitibwa Kavosu Yayiri n'okutuusa leero.
5 Yayiri n'afa n'aziikibwa mu Kamoni.

### *Okufuga kwa Yefusa*

6 Abayisirayiri ne beeyongera okukola ebibi mu maaso ga MUKAMA,
nga baweereza Babaali ne Asutoleesi ne bakatonda ab'e Busuuli, ne
bakatonda ab'e Sidoni, ne bakatonda ab'e Mowaabu, ne bakatonda
ab'abaana ba Amoni, ne bakatonda b'Abafirisuuti, ne bava ku MUKAMA
ne batamuweereza.
7 MUKAMA n'anyiigira Isirayiri, n'abagabula mu mukono gw'Abafirisuuti
ne mu mukono gw'abaana ba Amoni,
8 abaanyigiriza abaana ba Isirayiri, era ne babajooga okumala emyaka
kkumi na munaana. Baanyigiriza abaana ba Isirayiri bonna abaali
emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba mu nsi y'Abamoli eri mu
Gireyaadi.
9 Abaana ba Amoni nabo ne basomoka Yoludaani okulwanyisa Yuda ne
Benyamini, n'ennyumba ya Efulayimu. Isirayiri ne yeeraliikirira nnyo.
10 Awo abaana ba Isirayiri ne bakaabira MUKAMA nga bagamba nti,
"Ddala ddala twasobya, ne tuva ku Katonda waffe, ne tuweereza Babaali."
11 MUKAMA Katonda n'addamu abaana ba Isirayiri nti, "Abamisiri
n'Abamoli, n'abaana ba Amoni, n'Abafirisuuti,
12 n'Abasidoni, n'Abamaleki, n'Abamawoni,* bwe baabanyigiriza ne
munkowoola, sabalokola okuva mu mukono gwabwe?
13 Naye mwanvaako ne muweereza bakatonda abalala, noolwekyo
sigenda kubalokola nate.

---

* **10:12** Abamawoni abo baali ba njawulo ku bantu abaabeeranga mu Mawoni ekya Yuda.

14 Mugende mukaabire bakatonda abo be mwasalawo okuweereza,
babalokole mu nnaku yammwe.”
15 Naye abaana ba Isirayiri ne bagamba MUKAMA Katonda nti, “Tway-
onoona. Tukole kyonna ky’onoolaba nga kye kitusaanira. Kyokka tulokole
kaakano.
16 Ne baggya wakati mu bo bakatonda abalala, ne baweereza MUKAMA
Katonda. MUKAMA n’alumwa olw’ennaku ya Isirayiri.”
17 Awo abaana ba Amoni ne basiisira mu Gireyaadi, n’abaana ba Isirayiri
nabo ne basiisira mu Mizupa.
18 Abakulembeze b’abantu mu Gireyaadi ne bagambagana nti,
“Omusajja anaasooka okulumba abaana ba Amoni, ye anaabeera
omukulembeze w’abatuuze b’omu Gireyaadi.”

# 11

1 Yefusa Omugireyaadi yali mulwanyi w’amaanyi; kitaawe yamuzaala
mu malaaya.
2 Mukazi wa Gireyaadi yali amuzaalidde abaana aboobulenzi, era
abaana b’omukazi oyo bwe baakula, ne bagobaganya Yefusa nga bagamba
nti, “Tolisikira wamu naffe ku bintu bya kitaffe, kubanga kitaffe yakuzaala
mu mukazi mulala.”
3 Awo Yefusa n’adduka baganda be, n’agenda n’abeera mu nsi ye
Tobu. Abasajja abataaliko kigendererwa ne bakuŋŋaana gy’ali ne
bamugoberera.
4 Oluvannyuma lw’ebbanga abaana ba Amoni ne bakola olutalo ku
Isirayiri.
5 Awo abaana ba Amoni bwe baali nga balwana ne Isirayiri, abakadde
ab’e Gireyaadi ne bagenda okukima Yefusa mu nsi ya Tobu.
6 Ne bagamba Yefusa nti, “Jjangu otukulembere tulwanyise abaana ba
Amoni.”
7 Yefusa n’agamba abakadde b’e Gireyaadi nti, “Temwankyawa ne
mungoba mu nnyumba ya kitange? Lwaki kaakano mujja gye ndi nga
mulina ekizibu?”
8 Abakadde b’e Gireyaadi ne bagamba Yefusa nti, “Tuzze gy’oli kaakano,
ojje ogende naffe, olwanyise abaana ba Amoni, n’oluvannyuma onoobeera
mukulembeze w’abo bonna ababeera mu Gireyaadi.”
9 Yefusa n’abaddamu nti, “Singa munzizaayo ne nnwana n’abaana ba
Amoni, MUKAMA n’abampangusiza, n’abeera omukulembeze wammwe?”
10 Abakadde b’e Gireyaadi ne baddamu Yefusa nti, “MUKAMA ye
mujulirwa waffe, bwe tutaatuukirize kigambo ekyo.”
11 Awo Yefusa n’agenda n’abakadde b’e Gireyaadi, abantu ne bamufuula
omukulembeze waabwe era omuduumizi, n’addamu ebigambo byonna
bye yayogera mu maaso ga MUKAMA mu Mizupa.
12 Yefusa n’atuma ababaka eri kabaka w’abaana ba Amoni,
ng’amugamba nti, “Onnanga ki ggwe, okujja gye ndi, olwanyise eggwanga
lyange?”
13 Kabaka w’abaana ba Amoni n’addamu ababaka ba Yefusa nti,
“Kubanga Isirayiri bwe baali bava e Misiri baatwala ensi yange okuva ku
Alunoni ne ku Yaboki n’okutuukira ddala ku Yoludaani. Kaakano gituddize
lwa mirembe.”
14 Awo Yefusa n’addamu n’aweereza ababaka eri kabaka w’abaana ba
Amoni
15 ng’agamba nti,

"Yefusa bw'ati bw'ayogera nti, 'Isirayiri teyatwala nsi ya Mowaabu newaakubadde ensi y'abaana ba Amoni.

16 Naye Isirayiri bwe baava mu Misiri ne baba nga bayita mu ddungu nga balaga ku Nnyanja Emyufu n'e Kadesi,

17 Isirayiri yatuma ababaka eri kabaka wa Edomu nga bamusaba bayitemu buyisi mu nsi ye. Naye ye teyabawuliriza. Isirayiri n'atuma n'ababaka eri kabaka wa Mowaabu, naye n'atabakkiriza kuyitamu. Isirayiri kyeyava asigala e Kadesi.

18 " 'Awo Isirayiri n'alyoka ayita mu ddungu ne yeetooloola ensi ya Edomu n'ensi ya Mowaabu, n'ayita ku luuyi olw'ebuvanjuba obw'ensi ya Mowaabu, ne basiisira emitala wa Alunoni ku nsalo ya Mowaabu.

19 " 'Awo Isirayiri n'atuma ababaka eri Sikoni kabaka w'Abamoli era kabaka w'e Kesuboni, ng'amusaba ng'agamba nti, Tukkirize tuyitemu tulage mu nsi yaffe.

20 Naye Sikoni n'ateesiga Isirayiri kuyita mu nsalo ye, era Sikoni n'akuŋŋaanya abantu be bonna, ne basiisira mu Yakazi, n'alwanyisa Isirayiri.'

21 " 'MUKAMA Katonda wa Isirayiri n'agabula Sikoni n'abantu be bonna mu mukono gwa Isirayiri, n'abawangula, era Isirayiri n'atwala ensi yonna ey'Abamoli.

22 Ne bawamba ensalo yonna ey'Abamoli okuva ku Alunoni okutuuka ku Yaboki, n'okuva ku ddungu okutuuka ku Yoludaani.

23 " 'Kaakano obanga MUKAMA Katonda wa Isirayiri yagoba Abamoli mu maaso g'abantu be Isirayiri, ggwe ani okulwanyisa Isirayiri?

24 Lwaki totwala ensi lubaale wo Kemosi gye yakuwa, naffe ne tutwala eyo MUKAMA Katonda waffe gye yatuwa?

25 Ddala ddala osinga Balaki mutabani wa Zipoli kabaka wa Mowaabu? Yali akaayanyizza Isirayiri wadde okubalwanyisa?

26 Isirayiri emaze emyaka ebikumi bisatu mu Kesuboni n'ebyalo byayo, ne mu Aloweri n'ebyalo byayo, ne mu bibuga byonna ebiri ku lubalama lwa Alunoni. Kiki ekyabalobera okubyeddiza mu kiseera ekyo?

27 Kaakano sirina kye nkusobezza naye ggwe onnumbye okulwana nange. Kale MUKAMA, Omulamuzi, leero alamule wakati w'abaana ba Isirayiri n'abaana ba Amoni.' "

28 Naye kabaka w'abaana ba Amoni n'atassaayo mwoyo ku bubaka Yefusa bwe yamutumira.

29 Awo Omwoyo wa MUKAMA Katonda n'ajja ku Yefusa; Yefusa n'asomoka Gireyaadi ne Manase, n'ayita ne mu Mizupa eky'e Gireyaadi, era mu Mizupa eky'e Gireyaadi gye yava okulumba abaana ba Amoni.

30 Yefusa ne yeeyama eri MUKAMA Katonda ng'agamba nti, "Bw'onogabula abaana ba Amoni mu mukono gwange,

31 ekintu kyonna ekirifuluma mu nzigi z'ennyumba yange nga nkomyewo mu buwanguzi, ne kinyaniriza nga nva mu baana ba Amoni, ndikiwaayo ng'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA."

32 Awo Yefusa n'alumba abaana ba Amoni n'abalwanyisa, era MUKAMA Katonda n'abagabula mu mukono gwe.

33 N'abakuba okuva ku Aloweri okutuuka e Minnisi, bye bibuga amakumi abiri, n'okutuukira ddala ku Aberukeramimu; n'abakubira ddala era abaana ba Isirayiri ne bawangulira ddala abaana ba Amoni.

34 Awo Yefusa bwe yakomawo e Mizupa mu maka ge, laba muwala we n'ajja okumukulisaayo ng'akuba ebitaasa era ng'amuzinira. Ye mwana yekka gwe yalina.

35 Yefusa bwe yamulaba, n'ayuza engoye ze, n'ayogera mu ddoboozi
ery'omwanguka nti, "Zinsaze muwala wange. Onnakuwazizza nnyo, era
ondeetedde ennaku, kubanga neeyama eri MUKAMA Katonda, so siyinza
kukimenyawo."
36 Awo muwala we n'amugamba nti, "Kitange weeyama eri MUKAMA.
Kola ekyo kye weeyama eri MUKAMA Katonda, kubanga awooledde
eggwanga ku balabe bo, abaana ba Amoni."
37 N'agamba kitaawe nti, "Nkusaba ekintu kimu kyokka, onzikirize
ŋŋende ne mikwano gyange mu nsozi okumala emyezi ebiri, ne kaabireko
kubanga ndi mbeerera."
38 N'amugamba nti, "Genda." N'agenda n'amala emyezi ebiri mu nsozi
ng'ali ne bawala banne nga yeekaabirako olw'okuba yali mbeerera.
39 Oluvannyuma lw'emyezi ebiri, omuwala n'akomawo eri kitaawe, era
kitaawe n'amuwaayo, nga bwe yeeyama. Yali muwala mbeerera.
Era okwo kwe kwava empisa mu Isirayiri
40 okuva mu biro ebyo, nti abawala mu Isirayiri bajjukira muwala wa
Yefusa Omugireyaadi okumala ennaku nnya buli mwaka.

# 12

1 Abasajja ba Efulayimu ne bayitibwa okusomoka okulaga mu Zafoni.
Ne bagamba Yefusa nti, "Lwaki wagenda okulwanyisa abaana ba Amoni,
n'otatuyita kugenda naawe? Tugenda kukwokera mu nnyumba yo."
2 Yefusa n'abaddamu nti, "Nze n'abantu bange twatawaana nnyo
okulwanyisa abaana ba Amoni, era nabakoowoola mujje mutubeere, naye
temwajja kutubeera kuva mu mukono gwabwe.
3 Bwe nalaba nga temuzze kutubeera, ne nteeka obulamu bwange mu
ngalo zange, ne nsomoka okulwana n'abaana ba Amoni, era MUKAMA
Katonda n'abagabula mu mukono gwange. Kaakano kiki ekibaleeta gye
ndi okulwana nange leero?"
4 Awo Yefusa n'akuŋŋaanya abantu b'e Gireyaadi bonna, ne balwanyisa
Efulayimu. Abasajja ab'e Gireyaadi baabalwanyisa kubanga Efulayimu
baayogera nti, "Mmwe muli bakyewaggula ba Efulayimu ab'e Gireyaadi,
wakati mu Efulayimu ne mu Manase."
5 Ab'e Gireyaadi ne bawamba ebifo bya Yoludaani okusomokerwa oku-
tuuka mu Efulayimu, era bwe waabangawo ku bakomawo aba Efulayimu
eyayagalanga okusomoka, abasajja ab'e Gireyaadi nga bamubuuza nti,
"Oli Mwefulayimu?"
6 Bwe yeegananga, nga bamugamba ayogere nti, "Shibbolesi." Bwe
yayogeranga nti, "Sibbolesi," kubanga teyayinzanga kukyogera bulungi,
ng'akwatibwa era ng'attibwa awo awasomokerwa ku Yoludaani. Mu biro
ebyo, mu Efulayimu ne mufaamu abantu emitwalo ena mu enkumi bbiri.
7 Awo Yefusa n'alamula Isirayiri okumala emyaka mukaaga. Yefusa
Omugireyaadi n'afa, n'aziikibwa mu kimu ku kibuga bya Gireyaadi.

### *Okufuga kwa Ibuzaani ne Eroni ne Abudoni*

8 Oluvannyuma lwa Yefusa, Ibuzaani ow'e Besirekemu* n'alamula
Isirayiri.
9 Yalina abaana aboobulenzi amakumi asatu, n'abaana aboobuwala
amakumi asatu. Bawala be n'abafumbiza abantu abataali ba kika kye,

* **12:8** Besirekemu oyo si ye Besirekemu wa Yuda. Ekibuga ekyo kyali mu kitundu eky'e Zebbulooni.

ne batabani be n'abawasiza abawala abataali ba kika kye. N'akulembera Isirayiri okumala emyaka musanvu.
10 Ibuzaani n'afa, n'aziikibwa mu Besirekemu.
11 Oluvannyuma lwa Ibuzaani, Eroni Omuzebbulooni, n'alamula Isirayiri okumala emyaka kkumi.
12 Eroni Omuzebbulooni n'afa, n'aziikibwa mu Ayalooni mu nsi ya Zebbulooni.
13 Awo oluvannyuma lwa Eroni, Abudoni mutabani wa Kereri Omupirasoni n'alamula Isirayiri.
14 Yalina abaana aboobulenzi amakumi ana, n'abazzukulu amakumi asatu abeebagalanga endogoyi nsanvu. Yalamula Isirayiri okumala emyaka munaana.
15 Abudoni mutabani wa Kireri Omupirasoni n'afa, n'aziikibwa mu Pirasoni mu nsi ya Efulayimu, mu nsi ey'Abamaleki ey'ensozi.

# 13

*Okuzaalibwa kwa Samusooni*

1 Awo abaana ba Isirayiri ne beeyongera okukola ebibi mu maaso ga MUKAMA. MUKAMA kyeyava abagabula mu mukono gw'Abafirisuuti okumala emyaka amakumi ana.
2 Ne wabaawo omusajja ow'e Zola, ow'omu kika ky'Abadaani, erinnya lye Manowa, eyalina mukazi we nga mugumba.
3 Malayika wa MUKAMA Katonda n'alabikira omukazi n'amugamba nti, "Laba, kaakano, oli mugumba era atazaalanga ku mwana, naye oliba olubuto n'ozaala omwana wabulenzi.
4 Laba nga tonywa envinnyo, newaakubadde ekitamiiza kyonna, wadde okulya ekintu kyonna ekitali kirongoofu.
5 Kubanga, laba, oliba olubuto n'ozaala omwana wabulenzi, era tamwebwangako nviiri, kubanga omulenzi aliba Muwonge wa Katonda ng'akyali mu lubuto lwa nnyina, era yalitanula okulokola Isirayiri okuva mu mukono gw'Abafirisuuti."
6 Awo omukazi n'agenda n'ategeeza bba, ng'agamba nti, "Omusajja wa Katonda yandabikidde mu kifaananyi kya malayika wa Katonda, era natidde nnyo. Simubuuzizza gy'avudde, ate era naye tambulidde linnya lye.
7 Wabula yaŋŋambye nti, 'Laba oliba olubuto era olizaala omwana wabulenzi. Tonywanga envinnyo newaakubadde ekitamiiza kyonna, wadde okulya ekintu kyonna ekitali kirongoofu. Kubanga omulenzi aliba Muwonge eri Katonda ng'akyali mu lubuto lwa nnyina, era bw'atyo bw'aliba ennaku ez'obulamu bwe zonna.' "
8 Awo Manowa ne yeegayirira MUKAMA Katonda ng'agamba nti, "Ayi Mukama wange, omusajja wa Katonda gwe watutumidde, akomewo. Ajje atuyigirize kye tuteekwa okukolera omulenzi anaatuzaalirwa."
9 Katonda n'awulira eddoboozi lya Manowa, malayika wa Katonda n'akomawo eri omukazi, n'amusanga mu nnimiro, naye nga Manowa bba tali naye.
10 Awo omukazi n'ayanguwa n'adduka n'ategeeza bba ng'agamba nti, "Laba omusajja eyandabikira olulala azze."
11 Manowa n'agolokoka n'agoberera mukazi we. Bwe yatuuka awali omusajja n'amugamba nti, "Ggwe musajja eyayogera eri mukazi wange?" Malayika n'amuddamu nti, "Ye nze."

12 Manowa n'amubuuza nti, "Ebigambo byo bwe birituukirira, biragiro ki bye tuligoberera nga tukuza omulenzi?"
13 Malayika wa MUKAMA Katonda n'addamu Manowa nti, "Ebyo byonna bye nagamba mukazi wo ateekwa okubikola.
14 Mukazi wo tateekwa kulya kibala ekiva mu zabbibu, newaakubadde okunywa envinnyo, newaakubadde okunywa ekitamiiza, wadde okulya ekintu kyonna ekitali kirongoofu. Ateekwa okukola buli kintu kye namulagira."
15 Awo Manowa n'agamba malayika wa MUKAMA Katonda nti, "Sigala wano naffe, tukuteekereteekere akabuzi akato."
16 Malayika wa MUKAMA Katonda n'agamba Manowa nti, "Ne bwe nnaasigala nammwe, sijja kulya ku mmere yammwe. Wabula bwe munaateekateeka ekiweebwayo ekyokebwa, mukiweeyo eri MUKAMA." Mu kiseera ekyo Manowa teyamanya nga gwe yali ayogera naye yali malayika wa MUKAMA.
17 Awo Manowa n'abuuza malayika wa MUKAMA Katonda nti, "Erinnya lyo ggwe ani, ekigambo ky'oyogedde bwe kirituukirira tulyoke tukuseemu ekitiibwa?"
18 Malayika wa n'amuddamu nti, "Obuuliza ki erinnya lyange? Lisukka okutegeera."
19 Awo Manowa n'addira akabuzi akato, n'ekiweebwayo eky'empeke, n'abiwaayo nga ssaddaaka ku lwazi eri MUKAMA Katonda. MUKAMA n'akola eky'ekyewuunyo nga Manowa ne mukazi we balaba.
20 Omuliro bwe gwava mu Kyoto okugenda eri eggulu, malayika wa MUKAMA Katonda n'akkira mu muliro gw'ekyoto. Manowa ne mukazi we bwe baamulaba, ne bagwa wansi ne bavuunama ng'obwenyi bwabwe butuukira ddala ku ttaka.
21 Malayika wa MUKAMA bw'ataddayo kweraga gye bali, Manowa ne mukazi we ne bategeera ng'abadde malayika wa MUKAMA Katonda.
22 Manowa n'agamba mukazi we nti, "Tugenda kufa kubanga tulabye Katonda."
23 Naye mukazi we n'amugamba nti, "Singa MUKAMA Katonda yabadde wa kututta, teyandisiimye kiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'empeke okuva gye tuli, newaakubadde okutulaga ebintu bino byonna, wadde okututegeeza kino."
24 Awo omukazi n'azaala omwana wabulenzi, n'amutuuma Samusooni. Omwana n'akula, MUKAMA Katonda n'amuwa omukisa.
25 Omwoyo wa MUKAMA Katonda n'atandika okukolera mu Samusooni ng'ali mu Makanedani ekiri wakati w'e Zola ne Esutaoli.

# 14

*Samusooni Awasa*

1 Awo Samusooni n'aserengeta e Timuna* n'alaba omukazi mu bawala ab'Abafirisuuti.
2 N'addayo eka, n'ategeeza kitaawe ne nnyina ng'agamba nti, "Nalabye omukazi ku bawala ab'Abafirisuuti mu Timuna. Kale mumumpasize kaakano."
3 Awo kitaawe ne nnyina ne bamugamba nti, "Tewali mukazi n'omu mu baganda bo newaakubadde mu Bantu bange gw'oyinza kuwasa, olyoke ogende ofune omukazi okuva mu Bafirisuuti abatali bakomole?"

---

* **14:1** Timuna kyali kibuga mu Ddaani (Yos 19:43). Abafirisuuti baateranga okukibeeramu ng'Abayisirayiri tebannakiwambira ddala

Naye Samusooni n’addamu kitaawe nti, “Mpasiza oyo kubanga ye gwe
nsiimye.”
4 Kitaawe ne nnyina tebaamanya ekyo nga kyava eri Mukama Katonda,
kubanga Mukama yali anoonya ensonga ku Bafirisuuti. Mu biro ebyo
Abafirisuuti be baafuganga Isirayiri.
5 Awo Samusooni ne kitaawe ne nnyina ne bagenda e Timuna. Bwe baali
basemberedde ennimiro z’emizabbibu egy’omu Timuna, empologoma
ento n’ewuluguma nga bw’emulumba.
6 Awo Omwoyo wa Mukama Katonda n’amukkako, n’ayuzaayuza em-
pologoma n’emikono gye ng’ayuzaayuza akabuzi akato, naye n’atabaako
ky’ategeeza kitaawe newaakubadde nnyina.
7 Samusooni n’aserengeta n’agenda n’anyumya n’omukazi era
n’amusiima.
8 Ebbanga bwe lyayitawo, n’addayo okumuwasa, naye aba ali ku
lugendo, n’akyama okulaba omulambo gw’empologoma, era laba, nga mu
mulambo gw’empologoma mulimu enjuki n’omubisi gw’enjuki.
9 N’atoola ku mubisi n’engalo ze, n’atambula n’agenda. Bwe yasiŋŋaana
kitaawe ne nnyina nabo n’abawaako ne balya, wabula n’atabagamba nti
omubisi ogwo gwe balya aguggye mu mulambo gw’empologoma.
10 Awo n’aserengeta ne kitaawe eri omukazi, era Samusooni n’akolerayo
embaga ng’empisa y’abawasa bwe yali.
11 Abafirisuuti bwe bajja okulaba Samusooni, ne bamuwa bannaabwe
amakumi asatu okumuwerekerako.
12 Awo Samusooni n’abagamba nti, “Kaakano ka mbakokkolere
ekikokko. Bwe mulikivvuunula ennaku omusanvu ez’embaga nga tezin-
naggwaako, ndibawa ebyambalo ebya linena amakumi asatu, n’emiteeko
gy’engoye amakumi asatu.
13 Naye bwe kinaabalema okuddamu, muteekwa okumpa ebyambalo
ebya linena amakumi asatu, n’emiteeko gy’engoye amakumi asatu.” Ne
bamugamba nti, “Kokkola ekikokko kyo tukiwulire.”
14 N’abagamba nti,
“Mu muli mwavaamu ekyokulya
Mu w’amaanyi mwavaamu ekiwoomerera.”
Ennaku ssatu ne ziyitawo nga bakyalemeddwa okuvvuunula ekikokko.
15 Awo ku lunaku olwokuna ne bagamba mukazi wa Samusooni nti,
“Sendasenda balo atuvvuunulire ekikokko. Bwe kitaabe bwe kityo tujja
kukwokya omuliro ggwe n’ennyumba ya kitaawo. Mwatuyita kutunyaga,
si bwe kiri?”
16 Mukazi wa Samusooni n’agenda gy’ali ng’akaaba amaziga, ng’agamba
nti, “Ddala ddala onkyawa so tonjagala. Wakokkolera abasajja b’omu
bantu bange ekikokko, naye n’otakivvuunula.”
N’amuddamu nti, “Laba sinnakivuunulira kitange newaakubadde
mmange, noolwekyo lwaki nkikuvuunulira?”
17 N’amukaabirira okumala ebbanga eryo lyonna ery’embaga, olwo
n’alyoka akimuvuunulira, kubanga yamwetayirira nnyo. N’oluvannyuma
omukazi n’annyonnyola abasajja b’omu bantu be ekikokko.
18 Awo ku lunaku olw’omusanvu enjuba nga tennagwa abasajja ab’omu
kibuga ne bagamba Samusooni nti,
“Kiki ekisinga omubisi gw’enjuki okuwoomerera?
Kiki ekisinga empologoma amaanyi?”
N’abaddamu nti,
“Singa temwalimya nnyana yange,
temwandivuunudde kikokko kyange.”

19 Awo Omwoyo wa MUKAMA Katonda n'amukkako, n'aserengeta e
Asukulooni† n'atta abasajja amakumi asatu, n'abambulamu ebyambalo
byabwe, engoye zaabwe n'aziwa abavvuunula ekikokko. N'anyiiga nnyo,
n'ayambuka n'addayo ewa kitaawe.
20 Mukazi wa Samusooni ne bamuwa mukwano gwe, eyabeeranga ne
Samusooni.

# 15

1 Awo ebbanga bwe lyayitawo, ng'ebiro eby'okukungula eŋŋaano
bituuse, Samusooni n'agenda okukyalira mukazi we ng'amutwalidde
akabuzi akato. N'ayogera nti, "Nnaagenda eri mukazi wange mu kisenge."
Naye kitaawe w'omukazi n'atamukkiriza kugenda yo*.
2 Kitaawe w'omukazi n'agamba Samusooni nti, "Nze nalowooza nti
wamukyayira ddala, kyennava mugabira mukwano gwo. Muganda we
omuto amusinga okulabika obulungi. Kaakano gw'oba otwala mu kifo
ky'oli."
3 Samusooni n'abagamba nti, "Ku mulundi guno sirina musango,
Abafirisuuti bwe nnaabakola akabi."
4 Awo Samusooni n'agenda n'akwata ebibe ebikumi bisatu, n'asiba
bibiri bibiri emikira, n'akwataganya emikira, n'addira ebitawuliro
n'ateeka ekitawuliro wakati w'emikira kinneebirye.
5 N'akoleeza ebitawuliro, n'ata ebibe okugenda mu nnimiro
z'Abafirisuuti. N'ayokya ebinywa n'eŋŋaano eyali tennakungulwa,
n'ennimiro z'emizeeyituuni n'ennimiro z'emizabbibu.
6 Awo Abafirisuuti bwe baabuuza akoze bwe kityo, ne boogera nti,
"Ye Samusooni mukoddomi w'Omutimuna, kubanga Omutimuna yaddira
mukazi wa Samusooni, n'amuwa mukwano gwa Samusooni."

Abafirisuuti ne bagenda ne bookya omukazi ne kitaawe omuliro.
7 Samusooni n'abagamba nti, "Olw'okuba nga mweyisizza bwe mutyo,
sirirekayo okuggyako nga mbawalanyeeko eggwanga."
8 N'abalumba n'atta bangi nnyo ku bo, n'agenda n'abeera mu mpuku
ey'omu lwazi lw'e Etamu.
9 Abafirisuuti ne bayambuka ne basiisira mu Yuda, ne basaasaana
okumpi ne Leki.
10 Abantu ba Yuda ne bababuuza nti, "Lwaki mutulumbye?" Abafirisuuti
ne babaddamu nti, "Tuzze okuwamba Samusooni tumutwale nga musibe,
tumwesasuze nga bwe yatukola."
11 Awo abasajja enkumi ssatu okuva mu Yuda ne bagenda ku
mpuku y'olwazi lw'e Etamu ne bagamba Samusooni nti, "Tewa-
manya ng'Abafirisuuti be batufuga? Kaakano kiki kino ky'otukoze?"
N'abaddamu nti, "Nneesasuzza kye bankola."
12 Ne bamuddamu nti, "Tuzze okukusiba tukuweeyo mu mukono
gw'Abafirisuuti." Samusooni n'abagamba nti, "Mundayirire nga temun-
zitte mmwe mwennyini."

---

† **14:19** Asukulooni kyali kibuga ky'Abafirisuuti. * **15:1** Ekirabo ekyaweebwangayo mu biseera ebyo, omuntu okuwasa omuwala, kaali kabuzi kato (Lub 38:17). Mu bufumbo obw'ekika ekyo mu bitundu ebyo eby'ensi, omugole yasigalanga mu nnyumba ne kitaawe. Kitaawe w'omuwala teyafunanga birabo ebireetebwa ng'omuwala afumbirwa, kyokka bba w'omuwala bwe yajjanga okukyalira mukyala we, yabangako ebirabo byaleetera kitaawe w'omuwala

13 Ne bamuddamu nti, “Tukkiriziganyizza. Tujja kukusiba busibi,
tukuweeyo mu mukono gwabwe, naye tetujja kukutta.” Ne bamusiba
emiguwa ebiri emiggya ne bamuggyayo mu mpuku.
14 Bwe yali asemberera Leki Abafirisuuti ne bajja gy’ali nga baleekaana.
Awo Omwoyo wa MUKAMA Katonda n’amukkako, emiguwa egyali gimusi-
bye emikono ne giba ng’obugoogwa obwokeddwa omuliro, ne gisumu-
lukuka okuva ku mikono gye.
15 N’alaba oluba lw’endogoyi olutannavunda, n’alukwata, n’akuba
abasajja lukumi.
16 Samusooni n’alyoka ayogera nti,
“Nkozesezza oluba lw’endogoyi
okukola entuumu bbiri;
nkozesezza oluba lw’endogoyi
okutta abasajja lukumi.”
17 Bwe yamala okwogera ekyo, n’akanyuga oluba n’alusuula, ekifo ekyo
n’akituuma Lamasuleki.
18 N’alumwa nnyo ennyonta, n’akabira MUKAMA Katonda ng’agamba nti,
“Omuddu wo omuwadde obuwanguzi olw’amaanyi; ne kaakano nfe, ngwe
mu mukono gw’abatali bakomole?”
19 Katonda n’akola ekinnya mu Leki, ne muvaamu amazzi, kwe yanywa
n’addamu amaanyi, n’aba mulamu. Ekifo ekyo kyeyava akituuma
Enkakkole, era kikyaliyo mu Leki n’okutuusa leero.
20 Samusooni n’akulembera Isirayiri mu biro by’Abafirisuuti, okumala
emyaka amakumi abiri.

# 16

*Samusooni ne Derira*

1 Samusooni n’alaga e Gaza n’alabayo omukazi malaaya, n’ayingira
gy’ali.
2 Awo abantu ab’e Gaza ne bategeezebwa nga Samusooni bw’ali mu
kifo ekyo. Ne bamuzingiza ne bamuteegera ku wankaaki w’ekibuga ekiro
kyonna. Ne basiriikirira ekiro kyonna nga bagamba nti, “Obudde bwe
bunaaba nga bunaatera okukya tunaamutta.”
3 Naye Samusooni ne yeebaka okutuusa ettumbi, n’agolokoka mu ttumbi,
n’akwata enzigi ebbiri eza wankaaki w’ekibuga, n’emifuubeeto gyombi,
n’abisimbula okuva mu bifo byabyo, n’agyawo n’ekisiba, n’abiteeka ku
bibegaabega bye n’abitwala ku ntikko y’olusozi olutunuulidde Kebbulooni.
4 Awo oluvannyuma lw’ebyo n’aganza omukazi mu kiwonvu ky’e Soleki,
erinnya lye Derira.
5 Abakulembeze b’Abafirisuuti* ne bagenda gy’ali ne bamugamba
nti, “Musendesende olabe amaanyi ge amangi mwe gasibuka, tulyoke
tusinziire okwo okumusobola, tumusibe tumujeeze. Naffe tulikuwa buli
omu ku ffe, ebitundu bya ffeeza lukumi mu kikumi†.”
6 Awo Derira n’agamba Samusooni nti, “Kaakano mbuulira amaanyi go
amangi mwe gasibuka, era n’ekiyinza okukusiba okukujeeza.”
7 Samusooni n’amugamba nti, “Bwe bansiba enkolokolo embisi mu-
sanvu, ezitakaze, olwo nnaanafuwa ne mbeera ng’omuntu omulala
yenna.”

* 16:5 Abafirisuuti baabeeranga mu bibuga bitaano, buli kimu nga kirina omukulembeze waakyo.
† 16:5 ze kilo nga kkumi na ssatu

8 Abakulembeze b’Abafirisuuti ne baleetera omukazi enkolokolo musanvu embisi ezitakaze, n’azimusibya.

9 Waaliwo abasajja abaali beekwese mu kisenge omwo omukazi mwe yali. Awo omukazi n’akoowoola Samusooni ng’agamba nti, “Samusooni Abafirisuuti bakuguddeko.” N’akutula enkolokolo, ng’omuntu bwe yandikutudde omuguwa oguyise mu muliro. Bwe kityo ensibuko y’amaanyi ge n’etazuulibwa.

10 Awo Derira n’agamba Samusooni nti, “Laba, onduulidde, era onnimbye. Kaakano mbuulira ekiyinza okukusiba.”

11 N’amugamba nti, “Bwe bansibya emiguwa emiggya egitakozesebwangako, nnaanafuwa, ne mbeera ng’omuntu omulala yenna.”

12 Awo Derira n’addira emiguwa emiggya, n’amusiba, nga mu kisenge mulimu abasajja abeekwese. N’alyoka amukoowoola ng’agamba nti, “Samusooni, Abafirisuuti bakuguddeko.” N’agyekutulako ku mikono ng’ewuzi.

13 Awo Derira n’agamba Samusooni nti, “Okutuusa kaakano onduulidde era onnimbye. Mbuulira ekiyinza okukusiba.” N’amugamba nti, “Bw’onooluka emivumbo musanvu egiri ku mutwe gwange, n’engoye, n’obinyweza nzija kunafuwa, mbeere ng’omuntu omulala yenna.”

N’aluka emivumbo omusanvu egy’ali ku mutwe gwe, n’engoye,

14 n’abinyweza n’olubambo. N’amukoowoola ng’agamba nti, “Samusooni Abafirisuuti bakuguddeko.” N’agolokoka okuva mu tulo, ne yeetakkuluza ku lubambo lw’omuti ogulukirwako n’engoye ezirukiddwa.

15 Awo Derira n’amugamba nti, “Oyinza otya okugamba nti onjagala, ate ng’omutima gwo teguli nange? Gino emirundi esatu onduulidde, n’otontegeeza amaanyi go amangi mwe gasibuka.”

16 Bw’atyo omukazi n’amusendasendanga n’ebigambo bye ennaku zonna ng’amubuuza okutuusa lwe yamwetamwa.

17 Awo Samusooni n’amubuulira ebyali ku mutima gwe byonna. N’amugamba nti, “Simwebwangako nviiri, kubanga ndi muwonge eri Katonda okuva mu lubuto lwa mmange. Bwe mwebwako enviiri, olwo amaanyi gange gananvaako, ne nnafuwa, ne mbeera ng’omuntu omulala yenna.”

18 Awo Derira bwe yalaba ng’amutegeezezza byonna ebyali ku mutima gwe, n’atumira abakulembeze b’Abafirisuuti ng’agamba nti, “Mukomeewo omulundi guno gwokka, kubanga yantegeezezza ebiri mu mutima gwe byonna.” Awo Abafirisuuti ne bakomawo nga baleese ezaabu.

19 N’amwebasa ku maviivi ge, n’ayita omusajja n’amumwa emivumbo omusanvu egyali ku mutwe gwe, n’atandika okujeeza, amaanyi ge ne gamuvaako.

20 N’amukoowoola ng’agamba nti, “Samusooni, Abafirisuuti bakuguddeko.” N’agolokoka okuva mu tulo ng’agamba nti, “Nzija kwetakkuluza ŋŋende nga bulijjo.” Naye teyamanya nga Mukama Katonda amulese.

21 Awo Abafirisuuti ne bakwata Samusooni, ne bamuggyamu amaaso, ne bamuserengesa e Gaza nga musibe mu njegere ez’ekikomo, ne bamuteeka mu kkomera mu nnyumba omuseerebwa obuwunga.

22 Kyokka bwe yamala okumwebwa, enviiri ze ne zitandika okumera.

23 Awo abakulembeze b'Abafirisuuti ne bakuŋŋaana okuwaayo ssad-
daaka eri lubaale waabwe Dagoni‡, nga bwe basanyuka. Ne boogera nti,
"Lubaale waffe agabudde Samusooni omulabe waffe mu mukono gwaffe."
24 Abantu bwe baalaba Samusooni, ne batendereza lubaale waabwe nga
bwe boogera nti,
"Lubaale waffe agabudde omulabe waffe
mu mukono gwaffe,
oyo eyazikiriza ensi yaffe,
n'atta bangi ku ffe."
25 Awo bwe baasanyuka ennyo, ne bawowoggana nga bwe bagamba nti,
"Mutuyitire Samusooni atusanyuseemu."
Ne baleeta Samusooni abasanyuseemu, nga bamuggya mu kkomera. Ne
bamuyimiriza wakati w'empagi.
26 Awo Samusooni n'agamba omuweereza eyali amukutte ku mukono
nti, "Leka nkwate ku mpagi eziwaniridde essabo, nsobole okuzeesigama."
27 Mu ssabo mwalimu ekibiina kinene eky'abasajja n'abakazi nga
mulimu n'abakulembeze bonna ab'Abafirisuuti. Ne waggulu ku ka-
solya kwaliko abantu ng'enkumi ssatu abaali batunuulira Samusooni
ng'abasanyusaamu.
28 Awo Samusooni n'asaba eri MUKAMA ng'agamba nti, "MUKAMA
Katonda onzijukire kaakano, ompe amaanyi. Omulundi guno gwokka, ayi
Katonda mpalane eggwanga ku Bafirisuuti olw'amaaso gange abiri."
29 Samusooni n'akwata empagi zombi ezaali wakati mu ssabo we yali
ayimiridde, n'azeesigamako, omukono gwe ogwa ddyo nga guli ku mpagi
emu, n'omukono ogwa kkono nga guli ku ndala.
30 Samusooni n'ayogera nti, "Leka nfiire wamu n'Abafirisuuti."
N'asindika n'amaanyi ge gonna, essabo ne ligwa ku bakulembeze,
n'abantu bonna abaalimu naye, era n'atta bangi mu kufa kwe okusinga
ne be yatta nga mulamu.
31 Awo baganda be n'ennyumba yonna eya kitaawe ne bagenda ne
baggyayo omulambo gwe, ne bagutwala ewaabwe, ne bamuziika mu
ntaana ya kitaawe Manowa eyali wakati w'e Zola ne Esutaoli. Yali
akulembedde Isirayiri okumala emyaka amakumi abiri.

# 17

### *Mikka n'Ebifaananyi bye Ebyole*

1 Waaliwo omusajja eyabeeranga mu nsi ey'ensozi Efulayimu, erinnya
lye Mikka.
2 N'agamba nnyina nti, "Ebitundu bya ffeeza olukumi mu ekikumi*
ebyakubulako, n'okukolima n'okolima, nga mpulira, laba, effeeza eyo nze
njirina. Nze nagitwala."
Awo nnyina n'amugamba nti, "Mwana wange, MUKAMA Katonda akuwe
omukisa."
3 Awo bwe yakomyawo ebitundu bya ffeeza ebyo olukumi mu ekikumi,
eri nnyina, nnyina n'amugamba nti, "Mpaayo effeeza eno eri MUKAMA
Katonda, okuva mu mukono gwange ku lw'omwana wange, ekolebwemu
ekifaananyi ekyole n'ekifaananyi ekisaanuuse, era ndimuzza gy'oli."

‡ **16:23** Dagoni ye yali lubaale w'Abafirisuuti omukulu. Erinnya Dagoni mu Lwebbulaniya litegeeza empeke. Noolwekyo yali lubaale w'ebimera. Lubaale oyo yakolebwa mu kifaananyi, ekitundu nga kya muntu n'ekitundu ekirala nga kya kyannyanja. * **17:2** ze kilo nga kkumi na ssatu

4 Awo bwe yazza effeeza, nnyina n'addira ebitundu ebikumi bibiri ebya
ffeeza†, n'abiwa omuweesi wa ffeeza, n'abikolamu ekifaananyi ekyole
n'ekifaananyi ekisaanuuse. Ne biteekebwa mu nnyumba ya Mikka.
5 Omusajja oyo Mikka yalina essabo. N'akola efodi, n'ebifaananyi ebyole
n'ayawula omu ku batabani be okuba kabona we.
6 Mu biro ebyo tewaaliwo kabaka mu Isirayiri, era buli muntu yakolanga
nga bw'alaba.
7 Ne wabaawo omuvubuka ow'omu kika kya Yuda nga Muleevi,
eyabeeranga mu Besirekemuyuda.
8 N'ava mu kibuga kya Besirekemuyuda n'atandika okunoonya
gy'anaabera, n'atuuka mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu mu nnyumba ya
Mikka. Wabula yali akyali ku lugendo ng'akyanoonya aw'okubeera.
9 Mikka n'amubuuza nti, "Ova wa?"
Omuleevi n'amuddamu nti, "Nva mu Besirekemuyuda, era nnoonya we
nnyinza okubeera."
10 Mikka n'amugamba nti, "Beera nange, obeere kitange era kabona,
nange ndikuwa ebitundu bya ffeeza kkumi‡ ng'empeera, era ne nkuwa
n'engoye n'emmere." Omuleevi n'abeera naye.
11 Awo Omuleevi n'akkiriza okubeera n'omusajja oyo, era omuvubuka
n'aba gy'ali ng'omu ku batabani be.
12 Awo Mikka n'ayawula Omuleevi, era omuvubuka oyo n'abeera
kabona we n'abeera mu nnyumba ya Mikka.
13 Mikka n'ayogera nti, "Kaakano mmanyi nga MUKAMA Katonda
anankoleranga ebirungi, kubanga nnina Omuleevi nga kabona wange."

# 18

*Abadaani Bawamba ekibuga Layisi*

1 Mu biro ebyo Isirayiri teyalina kabaka. Era mu biro ebyo ekika
ky'Abadaani baali banoonya ekifo aw'okubeera kubanga mu bika bya
Isirayiri baali tebafunanga kifo kya kubeeramu ng'omugabo gwabwe.
2 Kyebaava batuma abaana ba Ddaani bataano, abasajja abalwanyi,
okuva mu kika kyabwe kyonna, okuva mu Zola ne mu Esutaoli, bagende
bakette ensi. Ne babagamba nti, "Mugende mukebere ensi."
Ne batuuka mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu mu nnyumba ya Mikka ne
basula eyo.
3 Bwe baali eyo okumpi n'ennyumba ya Mikka ne beetegereza eddoboozi
ly'omuvubuka Omuleevi, ne bakyama ne bamubuuza nti, "Ani eyakuleeta
wano? Era okola ki wano? Era lwaki oli wano?"
4 N'abategeeza Mikka bye yamukolera, n'abagamba nti, "Yampangisa
era ndi kabona we."
5 Ne bamugamba nti, "Tukwegayiridde, kaakano weebuuze ku Katonda,
obanga olugendo lwe tugenda luliba n'omukisa."
6 Awo kabona n'abaddamu nti, "Mugende mirembe, kubanga MUKAMA
Katonda asiimye mugende ku lugendo lwammwe."
7 Awo abasajja abataano ne bava awo, ne batuuka e Layisi, ne
balaba ng'abantu baayo bali mirembe ng'Abasidoni bwe baali. Baali
bakkakkamu, nga balina buli kye beetaaga mu nsi, era nga beesudde
akabanga n'Abasidoni, nga tewali muntu n'omu gwe bakolagana naye.

† **17:4** ze kilo nga bbiri ne desimoolo ssatu ‡ **17:10** ze gulaamu nga kikumi mu kkumi

8 Awo abakessi bwe baddayo eri baganda baabwe e Zola n'e Esutaoli,
baganda baabwe ne bababuuza nti, “Bigenze bitya?”

9 Ne baddamu nti, “Mugolokoke, tubalumbe. Tulabye ensi, era laba, nga
nnungi nnyo. Temuyinza butagenda. Temulwa, tugende tulye ensi.

10 Bwe mulituuka eyo muliraba abantu abakkakkamu ababeera mu nsi
engazi, Katonda gy'atadde mu mukono gwammwe, era nsi erimu buli
kintu omuntu kye yeetaaga.”

11 Awo ekika ky'Abadaani ne basitula okuva e Zola n'e Esutaoli, abasajja
lukaaga nga balina ebyokulwanyisa.

12 Ne bagenda ne basiisira okumpi ne Kiriyasuyalimu mu Yuda. Ekifo
ekyo ne bakituuma Makanedani era kye kiyitibwa n'okutuusa leero.

13 Ne bava awo ne balaga mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu ne batuuka
ku nnyumba ya Mikka.

14 Abasajja abataano abaagenda okuketta ensi ya Layisi ne bagamba
baganda baabwe nti, “Mumanyi nga mu nnyumba zino mulimu Efodi
n'ebifaananyi ebyole n'ekifaananyi ekisaanuuse? Kale nno mukole kye
mugwanira okukola.”

15 Ne bakyama ne bagenda mu nnyumba y'omuvubuka Omuleevi eyali
ewa Mikka ne bamulamusa.

16 Abasajja olukaaga nga balina ebyokulwanyisa byabwe ne bayimirira
ku mulyango.

17 Awo abasajja abataano abaagenda okuketta ne bayingira ne bag-
gyamu ekifaananyi ekyole, ne Efodi, ne balubaale abaali mu nnyumba
n'ekifaananyi ekisaanuuse, nga kabona n'abasajja olukaaga nga balina
ebyokulwanyisa byabwe bayimiridde ku mulyango.

18 Abasajja bwe bayingira mu nnyumba ya Mikka okuggyamu eki-
faananyi ekyole, ne Efodi, ne balubaale abaali mu nnyumba n'ekifaananyi
ekisaanuuse, kabona n'ababuuza nti, “Mukola ki?”

19 Ne bamuddamu nti, “Sirika tonyega. Jjangu naffe obeere kitaffe era
kabona waffe. Kiki ekisinga, ggwe okuba kabona w'ennyumba y'omuntu
omu, oba okuba kabona w'ekika kya Isirayiri?”

20 Kabona n'asanyuka, n'atwala Efodi ne balubaale abaali mu nnyumba
n'ekifaananyi ekyole n'agenda nabo.

21 Ne babaako we bakyama ne balekayo abaana baabwe abato n'ebisolo
byabwe n'ebintu byabwe. Ne bagenda mu maaso.

22 Bwe batambulako akabanga okuva ku nnyumba ya Mikka, abasajja
abaabeeranga mu nnyumba eziriraanye ennyumba ya Mikka ne
bakuŋŋaana ne bawondera abaana ba Ddaani.

23 Bwe baali babakoowoola, abaana ba Ddaani ne bakyuka ne
batunuulira Mikka ne bamubuuza nti, “Mutukoowoolera ki?”

24 N'abaddamu nti, “Mututte balubaale bange be neekolera, ne kabona.
Kiki kye nsigazza? Muyinza mutya okumbuuza kye mbadde?”

25 Abaana ba Ddaani ne bamuddamu nti, “Sitwagala kuwulira ddoboozi
lyo, si kulwa ng'abasajja abakambwe abali mu ffe bakulumba n'ofiirwa
obulamu bwo n'obw'abo ab'omu nnyumba yo.”

26 Awo abaana ba Ddaani ne beetambulira. Awo Mikka bwe yalaba nga
bamuyinze amaanyi, n'akyuka n'addayo ewuwe.

27 Ne batwala ebintu Mikka bye yali akoze, ne kabona gwe yalina,
ne batuuka e Layisi omwali abantu abakkakkamu abatamanyiridde, ne
bakilumba ne batta abantu baamu n'ekitala, n'ekibuga ne bakikumako
omuliro.

28 Tewaaliwo eyajja okubataasa kubanga ne Sidoni kyali wala n'ekibuga
ekyo, ate nga tebalina nkolagana na muntu yenna. Ekibuga kyali mu
kiwonvu ekiriraanye Besulekobu.

Abaddaani ne bazimba buto ekibuga ne babeera omwo.

29 Ekibuga ne bakikyusa erinnya okuva ku Layisi lye kyayitibwanga
olubereberye ne bakituuma Ddaani, ng'erinnya lya Ddaani jjajjaabwe
eyazaalibwa Isirayiri bwe lyali.

30 Awo abaana ba Ddaani ne beeterawo ekifaananyi ekyole, ne balonda
Yonasaani mutabani wa Gerusomu, muzzukulu wa Musa, ne batabani be
okuba bakabona eri ekika ky'Abadaani okutuusa ensi lwe yawambibwa.

31 Ne bassaawo ebifaananyi ebyole Mikka bye yali yeekoledde, ebbanga
lyonna ennyumba ya Katonda we yabeerera mu Siiro.

# 19

*Omuleevi ne mukazi we*

1 Awo mu biro ebyo tewaali kabaka mu Isirayiri.

Ne wabaawo Omuleevi eyabeeranga mu kyalo mu nsi ey'ensozi eya
Efulayimu eyawasa omukazi mu Besirekemu mu Yuda.

2 Naye mukazi we oyo n'ataba mwesigwa n'anoba ku bba, n'addayo mu
nnyumba ya kitaawe e Besirekemu mu Yuda n'amalayo emyezi ena.

3 Bba n'agolokoka n'agenda n'omuweereza we n'endogoyi bbiri ok-
wogera ne mukazi we amukomyewo. Omukazi n'amutwala mu nnyumba
ya kitaawe era kitaawe w'omuwala bwe yamulaba n'asanyuka era
n'amwaniriza.

4 Awo mukoddomi we, kitaawe w'omuwala n'amuwaliriza asigaleyo
ennaku ssatu. Ne balya ne banywa ne basula eyo.

5 Awo ku lunaku olwokuna ne bagolokoka mu makya, Omuleevi
ne yeeteekateeka okugenda. Kyokka kitaawe w'omuwala n'agamba
mukoddomi we nti, "Mwesanyuse mumale okulya ku mmere, mulyoke
mugende."

6 Ne batuula ne balya era ne banywa bonna wamu. Kitaawe
w'omuwala n'agamba omusajja nti, "Kaakano kkiriza osule, omutima gwo
gusanyukeko."

7 Omusajja bwe yagolokoka okugenda, mukoddomi we n'amuwaliriza
okusigala era n'asula ekiro ekyo.

8 Ku lunaku olwokutaano, bwe yagolokoka mu makya okugenda,
kitaawe w'omuwala n'amugamba nti, "Weesanyuse kaakano. Ojjira
weesanyusa okutuusa obudde lwe bunaawungeera." Ne balya bonna
wamu.

9 Omusajja bwe yagolokoka okugenda ne mukazi we n'omugole we,
mukoddomi we kitaawe w'omuwala n'amugamba nti, "Laba, kaakano
obudde buzibye. Sula obudde buyise. Sigala wano weesanyuse,
onoogolokoka enkya n'oddayo ewuwo."

10 Naye omusajja n'atakkiriza. N'asitula n'agenda ne mukazi we,
n'endogoyi ze zombi nga zeetisse, ku luuyi olw'e Yebusi, ye Yerusaalemi.

11 Bwe baali bali kumpi ne Yebusi, n'obudde nga buyise, omuweereza
n'agamba mukama we nti, "Jjangu tukyame tuyingire mu kibuga kino
eky'Abayebusi tusule omwo."

12 Mukama we n'amuddamu nti, "Tetuukyame kuyingira mu kibuga
ky'abatali baana ba Isirayiri, eky'abannaggwanga. Tujja kweyongerayo
tulage e Gibea."

13 N'agamba omuweereza we nti, "Tusemberere ekimu ku bifo ebyo, tusule e Gibea oba mu Laama."
14 Ne beeyongerayo. Enjuba n'egwa nga basemberera Gibea ekya Benyamini.
15 Ne bakyama eyo mu Gibea, gye baba basula. Ne balaga mu kifo ekigazi eky'ekibuga ne batuula eyo, kyokka ne wataba muntu n'omu eyajja okubatwala ewuwe.
16 Era laba, ne wajja omusajja omukadde eyali ava ku mirimu gye egy'omu nnimiro akawungeezi, ng'asibuka mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ng'abeera mu Gibea. Abantu b'e Gibea baayitibwanga Babenyamini.
17 N'ayimusa amaaso ge n'alaba omusajja omutambuze, ng'ali mu kifo ekigazi eky'ekibuga. Omusajja n'amubuuza nti, "Ova wa era olaga wa?"
18 N'amuddamu nti, "Nva mu Besirekemu mu Yuda, ndaga mu byalo eby'ensi ey'ensozi eya Efulayimu gye mbeera. Nva mu Besirekemu mu Yuda, nzirayo mu nnyumba ya MUKAMA, naye tewali anyannirizza mu nnyumba ye."
19 Wabula nnina essubi n'emmere ey'endogoyi zange, ate naffe abaweereza bo tulina emmere ne wayini ebitumala nze, n'omuweereza wo omukazi, n'omuvubuka.
20 Omusajja omukadde n'abagamba nti, "Mbanirizza ewange mwenna. Temwetaaga kusula mu kifo ekigazi eky'ekibuga."
21 Awo n'abatwala mu nnyumba ye, n'aliisa endogoyi ze, ne banaaba ku bigere*, ne balya, ne banywa.
22 Awo bwe baali nga beesanyusaamu, laba, abasajja ab'omu kibuga ekyo, abaana ab'obutali butuukirivu ne bazingiza ennyumba nga bwe bakoona oluggi. Ne bagamba nannyini nnyumba, omusajja omukadde nga bwe bawowoggana nti, "Fulumya omusajja oyo ayingidde mu nnyumba yo, tumusiyage."
23 Nannyini nnyumba n'afuluma, n'abagamba nti, "Nedda mikwano gyange, temubeera bagwenyufu. Olw'okuba ng'omusajja ono azze mu nnyumba yange, temukola kintu kya buswavu bwe kityo.
24 Mulaba muwala wange wuuno, mbeerera, ate n'omukazi w'omusajja naye nzija kubamuwa. Baabo mubakole kye mwagala. Naye omusajja ono temumukola kintu kya buswavu bwe kityo."
25 Naye abasajja ne bagaana okumuwuliriza. Omusajja kyeyava addira mukazi we, n'amufulumya, ne bamukwata ne bamusobyako ekiro kyonna, ne bamuta agende ng'emmambya esala.
26 Omukazi n'addayo n'atuuka obudde nga bukya, n'agwa ku luggi lw'ennyumba, mukama we gye yali asuze, n'abeera awo okutuusa obudde bwe bwakya.
27 Mukama we bwe yagolokoka mu makya, n'aggulawo enzigi z'ennyumba ye n'afuluma agende ku lugendo lwe, laba, mukazi we ng'agudde mu maaso g'ennyumba, ng'emikono gye gikunukkiriza omulyango.
28 N'agamba mukazi we nti, "Golokoka tugende." Kyokka ne wataba kanyego. Omusajja n'amuteeka ku ndogoyi, n'agenda ewuwe.
29 Bwe yatuuka ewuwe, n'addira akambe, n'akwata mukazi we, n'amusalaasalamu ebifi kkumi na bibiri, n'abiweereza mu buli kitundu ekya Isirayiri.

* 19:21 Okunaaza ebigere by'omugenyi kyali kikolwa kya kwaniriza, kubanga abantu mu bitundu ebyo baatambuliranga mu sapatu mu nguudo ezirimu enfuufu.

30 Awo buli muntu eyabirabangako n'agamba nti, "Ekikolwa ekiri nga kino tekikolebwanga so tekirabibwanga okuva ku lunaku abaana ba Isirayiri lwe baayambukirako okuva mu nsi y'e Misiri n'okutuusa leero. Mukirowoozeeko, mukifumiitirizeeko era tulabe eky'okukola."

# 20

## *Abayisirayiri Balwana n'Ababenyamini*

1 Awo abaana ba Isirayiri bonna okuva ku Ddaani okutuuka ku Beeruseba wamu n'ensi ya Gireyaadi ne bakuŋŋaana mu maaso ga MUKAMA e Mizupa, nga bali omuntu omu.
2 Abakulembeze b'abantu bonna mu bika byonna ebya Isirayiri ne batuula mu bifo byabwe mu kuŋŋaaniro ly'abantu ba Katonda, nga bawera abaserikale abaalina ebitala, emitwalo amakumi ana.
3 Awo abaana ba Benyamini ne bawulira nti Abantu ba Isirayiri bambuse e Mizupa. Abaana ba Isirayiri ne boogera nti, "Ekintu kino eky'ekivve bwe kiti, kyabaawo kitya?"
4 Omuleevi bba w'omukazi eyattibwa n'addamu nti, "Natuuka e Gibea ekya Benyamini, ne mukazi wange, tusule eyo.
5 Abasajja ab'e Gibea ne bangolokokerako mu kiro, ne bazingiza ennyumba gye twalimu, ne baagala okunzita. Kyokka ne bakwata mukazi wange ne bamusobyako n'afa.
6 Kyennava ntwala mukazi wange ne musalaasala, ne mpeereza ebitundu bye mu buli kifo eky'omugabo gwa Isirayiri, kubanga baakola ekikolwa eky'obugwenyufu era eky'ekivve.
7 Kaakano mmwe abaana ba Isirayiri mwenna, musaleewo eky'okukola."
8 Awo abantu bonna ne bagolokoka nga bali omuntu omu, ne boogera nti, "Tewali muntu mu ffe aliddayo ewuwe. Tewali aliddayo mu nnyumba ye.
9 Naye kaakano ekintu kye tulikola Gibea okumulwanyisa, kwe kumukubira akalulu.
10 Abantu kkumi ku bantu kikumi okuva mu bika byonna ebya Isirayiri, n'abalala kikumi ku bantu olukumi, n'abalala lukumi ku bantu omutwalo ogumu bagende bafunire eggye ebyetaago. Eggye bwe lirituuka e Gibea eky'e Benyamini balyoke bababonereze ng'ekikolwa kyabwe eby'obugwenyufu bwe kiri, kye baakola mu Isirayiri."
11 Awo abantu bonna aba Isirayiri ne bakuŋŋaana ne baba omuntu omu, ne balumba ekibuga.
12 Ebika bya Isirayiri ne bituma ababaka mu kika kyonna ekya Benyamini, nga babuuza nti, "Kikolwa ki eky'ekivve ekyakolebwa wakati mu mmwe?
13 Kale kaakano muweeyo abasajja abaana b'ebikolwa ebitali bya butuukirivu abali mu Gibea tubatte, tuggyewo ekibi mu Isirayiri."
Naye abaana ba Benyamini ne bagaana okuwuliriza eddoboozi ly'abaana ba Isirayiri.
14 Awo abaana ba Benyamini ne bakuŋŋaanira mu Gibea nga bava mu bibuga byonna, bagende balwanyise abaana ba Isirayiri.
15 Ku lunaku olwo, abaana ba Benyamini ne bavaayo okuva mu bibuga abasajja abalina ebitala emitwalo ebiri mu kakaaga.

16 Mu bantu abo bonna mwalimu abasajja abalondemu lusanvu
abakozesa kkono. Buli omu ku bo yayinzanga okuteeka ejjinja mu
nvumuulo ekube oluviiri, n'atasubwa.

17 Abasajja ba Isirayiri, nga totaddeeko abava mu Benyamini, ne
bakuŋŋaana abasajja abalwanyi abasitula ebitala, emitwalo amakumi
ana.

18 Abaana ba Isirayiri ne bagolokoka ne bayambuka e Beseri ne
beebuuza ku Katonda nga bagamba nti, "Ani ku ffe alisooka okugenda
okulwanyisa abaana ba Benyamini?" MUKAMA n'abaddamu nti, "Yuda
yalisooka."

19 Abaana ba Isirayiri ne bagolokoka mu makya ne basiisira okumpi ne
Gibea.

20 Abasajja ba Isirayiri ne bagenda okulwanyisa Benyamini, n'abasajja
ba Benyamini ne basimba ennyiriri okulwanyisa abasajja ba Isirayiri e
Gibea.

21 Abaana ba Benyamini ne bava mu Gibea ne batta abasajja ba Isirayiri
emitwalo ebiri mu enkumi bbiri mu lutalo ku lunaku olwo.

22 Naye abantu bazzaamu abasajja ba Isirayiri amaanyi, ne baddayo ne
basimba ennyiriri mu kifo mwe baali ku lunaku olwasooka.

23 Awo abaana ba Isirayiri ne bambuka ne bakaabira MUKAMA okutuusa
akawungeezi. Ne beebuuza ku MUKAMA nti, "Tuddeyo tulwanyise baganda
baffe abaana ba Benyamini?" MUKAMA n'abaddamu nti, "Mugende
mubalwanyise."

24 Ku lunaku olwokubiri Abayisirayiri ne basembera okulwanyisa
Ababenyamini.

25 Ababenyamini ne bavaayo ne balumba okuva e Gibea, ne batta abaana
ba Isirayiri abalala omutwalo gumu mu kanaana mu lutalo ku lunaku olwo
olwokubiri; Abayisirayiri abo bonna baalina ebitala.

26 Awo abaana ba Isirayiri bonna n'abantu bonna, ne bambuka okulaga
e Beseri, ne bakaabira MUKAMA Katonda ne batuula eyo mu maaso ge ne
basiiba olunaku olwo okutuusa akawungeezi, lwe baawaayo ebiweebwayo
ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga MUKAMA.

27 Abaana ba Isirayiri ne beebuuza ku MUKAMA Katonda, kubanga
Essanduuko ey'Endagaano ya Katonda yaliyo mu biro ebyo,

28 nga Finekaasi mutabani wa Eriyazaali, muzzukulu wa Alooni
yaweereza mu maaso ga MUKAMA Katonda. Ne bamwebuuzaako nga
bagamba nti, "Tuddeyo tulumbe baganda baffe abaana ba Benyamini oba
tetuddayo?" MUKAMA n'abaddamu nti, "Mugende kubanga enkya nzija
kubagabula mu mukono gwammwe."

29 Awo Abayisirayiri ne bateegera ku njuyi zonna eza Gibea.

30 Ku lunaku olwokusatu abaana ba Isirayiri ne bambuka okulwany-
isa abaana ba Benyamini ne basimba ennyiriri nga boolekedde Gibea
ng'olulala.

31 Abaana ba Benyamini ne bavaayo okubalwanyisa ne basikirizibwa
okuva mu kibuga, ne batandika okukuba n'okutta ng'olulala, nga bava ku
luguudo olumu okudda e Beseri, ne ku lulala oludda e Gibea mu nnimiro.
Ne batta abasajja Abayisirayiri ng'amakumi asatu.

32 Abaana ba Benyamini bwe baagambanga nti, "Tubawangula nga
luli bwe kyali ku mulundi ogwasooka," Abayisirayiri bo ne beeteesa
nti, "Tuddeyoko emabega, tubasikirize okubaggya mu kibuga badde mu
nguudo."

33 Abasajja bonna aba Isirayiri ne bava mu nnyiriri zaabwe mu bifo byabwe, ne badda e Baalutamali. Abayisirayiri abaateega ne bafubutuka okuva mu bifo byabwe mu ttale erya Gibea.
34 Awo abasajja omutwalo gumu abaalondebwa okuva mu Isirayiri yonna, ne balumba Gibea ne waba okulwana okw'amaanyi, Ababenyamini ne batamanya nti akabi kabajjidde.
35 Awo MUKAMA Katonda n'awangula Benyamini mu maaso ga Isirayiri, era ku lunaku olwo abaana ba Isirayiri ne batta Ababenyamini bonna abaalina ebitala, abasajja emitwalo ebiri mu enkumi ttaano mu kikumi.
36 Abaana ba Benyamini ne balaba nga bakubiddwa.
Abasajja ba Isirayiri ne bakolera Ababenyamini ekkubo, nga bo Abayisirayiri beesize abateezi be baali batadde okumpi ne Gibea.
37 Abaali bateeze ne badduka ne beesogga mu Gibea, ne basaasaana ne batta abaakirimu bonna.
38 Abasajja ba Isirayiri baali balagaanye n'abaateega nti abateezi bwe banaanyoosa omukka omungi mu kibuga,
39 abasajja ba Isirayiri abali mu ddwaniro banaakyuka. Mu kiseera ekyo Ababenyamini baali batanudde okukuba n'okutta abasajja ba Isirayiri ng'amakumi asatu, nga luli olwasooka.
Ne bagamba nti, "Ddala ddala tubawangudde nga mu lutalo luli olwasooka."
40 Naye omukka bwe gwatandika okunyooka, ekibuga kyonna nga kigya, Ababenyamini ne bakyuka okutunula emabega, laba, ng'ekibuga kyonna kikutte omuliro.
41 Abasajja ba Isirayiri ne babakyukira. Abasajja ba Benyamini ne batya bwe baalaba ng'akabi kabajjidde.
42 Kyebaava badduka abasajja ba Isirayiri nga baddukira mu ddungu, kyokka olutalo ne lubayinza. Buli eyadduka okuva mu bibuga n'afiira wamu nabo.
43 Abayisirayiri ne bazingiza Ababenyamini, ne babagoba okutuukira ddala ku buvanjuba bw'e Gibea we butandikira.
44 Abasajja abalwanyi abazira Ababenyamini abaafa baali omutwalo gumu mu kanaana.
45 Ababenyamini bwe baddukira mu ddungu nga boolekedde olwazi lwa Limoni, Abayisirayiri ne batta enkumi ttaano ku bo. Abayisirayiri ne bongera okubagobera ddala okutuuka e Gidomu, era n'eyo ne battirayo abasajja enkumi bbiri.
46 Bwe batyo Ababenyamini bonna abaafa ku lunaku olwo, baali emitwalo ebiri mu enkumi ttaano, bonna abo nga basajja bazira.
47 Naye abasajja lukaaga be baddukira mu ddungu okwolekera olwazi lwa Limoni, ne babeera eyo okumala emyezi ena.
48 Abasajja ba Isirayiri ne bakyuka ne baddayo eri abaana ba Benyamini ne batta buli kintu ekyali mu kibuga, ne batta ensolo, ne batta buli muntu gwe baasanga mu bibuga byonna bye baalaba, ne babikumako omuliro.

# 21

*Ababenyamini bafuna Abakazi*

1 Abasajja ba Isirayiri baali beerayiridde e Mizupa nti, "Tewabanga n'omu ku ffe awaayo muwala we okufumbirwa Benyamini."
2 Awo abantu ne bagenda e Beseri ne batuula eyo okutuusa akawungeezi nga bakaabira Katonda, nga bayimusa eddoboozi lyabwe, nga bakuba ebiwoobe,

3 nga bakaaba nti, “Ayi Mukama Katonda wa Isirayiri, lwaki kino kituuse ku Isirayiri leero, ekika ekimu okubula ku Isirayiri?”

4 Awo ku lunaku olwaddirira, abantu ne bagolokoka ne bazimba ekyoto mu kifo ekyo, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa n’ebiweebwayo olw’emirembe.

5 Abaana ba Isirayiri ne beebuuza nti, “Ani ku bika byonna ebya Isirayiri atazze kukuŋŋaana mu maaso ga Mukama Katonda?” Kubanga baali beerayiridde, ng’omuntu yenna alemwa okukuŋŋaana mu maaso ga Mukama e Mizupa, ateekwa kuttibwa.

6 Abaana ba Isirayiri ne basaalirwa olwa Benyamini muganda waabwe nga bagamba nti, “Leero ekika ekimu ekya Isirayiri kisaliddwako.

7 Tunaabakolera ki okubafunira abakazi, obanga ffe ffennyini twerayiridde eri Mukama obutabawa bawala baffe okubafumbirwa?”

8 Ne beebuuza nti, “Kika ki ku bika bya Isirayiri ekitaayambuka Mizupa mu maaso ga Mukama Katonda?” Ne bazuula nga mu Yabesugireyaadi tewaavaayo muntu eyajja mu lukuŋŋaana.

9 Bwe baalaba abantu, laba nga tewaliiwo mutuuze w’e Yabesugireyaadi.

10 Awo ekibiina ne kitumayo abasajja abalwanyi omutwalo gumu mu enkumi bbiri, ne babalagira nti, “Mugende muzikirize n’ekitala abo bonna ababeera mu Yabesugireyaadi, obutalekaawo bakazi wadde abaana.

11 Kino kye muba mukola. Mutte buli musajja na buli mukazi atali mbeerera.”

12 Mu bantu abaabeeranga mu Yabesugireyaadi ne basangamu abawala ebikumi bina abaali embeerera, ne babatwala mu nkambi e Siiro mu nsi ya Kanani.

13 Awo ekibiina kyonna ekyali kikuŋŋaanye ne kiweereza abaana ba Benyamini abaali ku lwazi lwa Limoni obubaka obw’emirembe.

14 Awo Ababenyamini ne bakomawo mu kiseera ekyo, era ne baweebwa abawala abaawonawo ku bawala ab’e Yabesugireyaadi, naye ne batabamala bonna.

15 Abantu ne basaalirwa olwa Benyamini kubanga Mukama Katonda yali abaawudde ku bika bya Isirayiri ebirala.

16 Awo abakadde b’olukuŋŋaana ne bagamba nti, “Abakazi b’Ababenyamini baazikirizibwa, kaakano abasajja abasigaddewo, tunabalabira wa abakazi?

17 Ababenyamini abaasigalawo bateekwa okufuna abasika, ekika kireme okusangulibwawo mu Isirayiri.

18 Ate tetuyinza kubawa ku bawala baffe kubawasa, kubanga ffe abaana ba Isirayiri tweyama nga tugamba nti, ‘Akolimirwe aliwa Omubenyamini muwala we okumuwasa.’

19 Kyokka waliwo embaga ya Mukama Katonda eya buli mwaka e Siiro, ekiri mu bukiikakkono bwa Beseri, n’obuvanjuba bw’oluguudo oluva e Beseri okudda e Sekemu, n’obukiikaddyo bwa Lebona.”

20 Awo ne bagamba abaana ba Benyamini nti, “Mugende mwekweke mu nnimiro z’emizabbibu,

21 muteege. Laba abawala b’e Siiro bwe banaafuluma okwegatta ku mazina, mudduke okuva mu nnimiro z’emizabbibu, mwefunire buli muntu omukazi ku bawala b’e Siiro, muddeyo mu nsi ya Benyamini.

22 Awo bakitaabwe oba bannyinaabwe bwe balyemulugunya gye tuli, tulibagamba nti, ‘Mubatuwe lwa kisa, kubanga tetwabafunira bakazi mu lutalo, era olwokubanga temwababawa, temulina musango.’ ”

23 Awo Ababenyamini ne bakola bwe batyo. Ne beewambira abawala
ku abo abaali bazina, ne beddirayo mu busika bwabwe, ne baddamu
okuzimba ebibuga byabwe ne babeera omwo.
24 Mu kiseera ekyo n'abaana ba Isirayiri buli muntu mu kika kye ne
yeddirayo mu busika bwe.
25 Mu biro ebyo tewaali kabaka mu Isirayiri; buli muntu yakolanga nga
bw'ayagala.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Luusi

*Nawomi ne Luusi*

1 Awo olwatuuka mu nnaku ezo abalamuzi ze baafugiramu, enjala
n'egwa mu nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemu mu Yuda ne mukazi we,
ne batabani be bombi, ne basengukira mu nsi ya Mowaabu.
2 Erinnya ly'omusajja yali Erimereki, erya mukazi we Nawomi,
n'amannya ga batabani be bombi, Maloni ne Kiriyoni. Baali Bayefulaasi*
ab'e Besirekemu mu Yuda, bwe baatuuka mu nsi ya Mowaabu, ne babeera
omwo.
3 Naye Erimereki bba wa Nawomi n'afa; nnamwandu Nawomi
n'asigalawo ne batabani be bombi.
4 Batabani be baawasa ku bakazi Abamowaabu, omu Olupa, n'omulala
Luusi, ne babeera eyo okumala emyaka nga kkumi.
5 Oluvannyuma Maloni ne Kiriyoni ne bafa, Nawomi n'asigala nga talina
baana wadde bba.
6 Bwe yawulira ng'ali mu nsi ya Mowaabu nti MUKAMA Katonda yajjira
abantu be n'abawa emmere, n'agolokoka ne baka baana be okuddayo mu
Isirayiri.
7 Ye ne baka baana be, ne bava mu kifo mwe baali, ne bakwata ekkubo
okuddayo mu nsi ya Yuda.
8 Awo Nawomi n'agamba baka baana be nti, "Mugende muddeeyo buli
muntu mu nnyumba ya nnyina†, era MUKAMA Katonda abakolere ebyekisa,
nga nammwe bwe mwakolera abaafa era ne bye mwakolera nze.
9 MUKAMA Katonda abawe omukisa era buli omu ku mmwe, amuwe
omusajja omulala." N'alyoka abanywegera, nabo ne bayimusa amaloboozi
gaabwe, ne bakaaba amaziga,
10 nga bagamba nti, "Nedda, tuligenda naawe ng'oddayo eri abantu bo."
11 Naye Nawomi n'abagamba nti, "Muddeeyo ewammwe bawala bange.
Kiki ekibaagaza okugenda nange? Sikyasobola kuzaala baana balala
bafuuke babba mmwe‡.
12 Mweddireyo ewammwe, bawala bange, kubanga nze nkaddiye nnyo
sikyafumbirwa. Ne bwe nnandifumbiddwa ne nzaala abaana aboobu-
lenzi;
13 mwandibalindiridde okutuusa lwe bandikuze nga temunna-
fumbirwa? Nedda, bawala bange. Nnumwa nnyo okusinga mmwe,
kubanga omukono gwa MUKAMA Katonda tegubadde nange."
14 Bwe baawulira ekyo, ne baddamu okukaaba. Awo Olupa n'anywegera
nnyazaala we, n'amusiibula. Naye Luusi namunywererako ddala.
15 Awo Nawomi bwe yalaba ekyo, namugamba nti, "Laba, munno
azzeeyo eri abantu be ne balubaale be, naawe kwata ekkubo omugob-
erere."

---

* **1:2** Erinnya Bayefulaasi liva mu nju Erimereki mw'asibuka. Erimereki yabbula erinnya Efulaasi okuva mu nnyumba ye mu kifo gye yali abeera, okumpi n'e Besirekemu (4:11; Lub 35:19; 1Sa 17:12; Mi 5:2) † **1:8** Abawala ne bannamwandu baabeeranga ne bannyaabwe (Lub 24:28, 67). Kitaawe wa Luusi yali akyali mulamu (2:11). ‡ **1:11** Ekyo kyogera ku mpisa y'Ekiyudaaya egamba nti nnamwandu atalina mwana ateekwa kufumbirwa muganda w'omugenzi bba (Lub 38:6-8; Ma 25:5-10)

16 Naye Luusi n'amwegayirira ng'agamba nti, “Tompaliriza kukuvaako,
wadde obutakugoberera, kubanga gy'onoogendanga, nange gye nnaa-
gendanga, gy'onooberanga, nange gye nnaaberanga, era abantu bo be
banaabanga abantu bange, era ne Katonda wo y'anaaberanga Katonda
wange.
17 Gy'olifiira nange gye ndifiira era eyo gye balinziika. MUKAMA Katonda
ankangavvule nnyo bwe ndyawukana naawe wabula mpozi okufa.”
18 Awo Nawomi bwe yalaba nga Luusi amaliridde okugenda naye,
n'atayongerako kigambo kirala.
19 Oluvannyuma bombi ne batambula okutuuka e Besirekemu. Bwe
batuuka e Besirekemu, ekibuga kyonna ne kisasamala ku lwabwe, era
abakazi ne beebuuza nti, “Ddala ono ye Nawomi?”
20 Bwe yawulira ekyo, n'abaddamu nti, “Temumpita Nawomi, naye
mumpite Mala, kubanga Ayinzabyonna yalumya obulamu bwange
n'okukaawa bunkayiridde.
21 Nagenda nnina ebintu bingi, naye MUKAMA Katonda ankomezzaawo
nga sirina kantu, kale lwaki mumpita Nawomi? MUKAMA ambonerezza.
Ayinzabyonna yandeetera okubonaabona.”
22 Bw'atyo Nawomi n'akomawo e Besirekemu, okuva mu Mowaabu ne
muka mwana we Luusi Omumowaabu, mu kiseera eky'okukungula sayiri§
nga kyakatandika.

# 2

*Luusi Asisinkana Bowaazi*

1 Nawomi yalina mulamu we, ng'ava mu kika kya bba, Erimereki, nga
mugagga, erinnya lye nga ye Bowaazi.
2 Awo Luusi Omumowaabu n'agamba Nawomi nti, “Ka ŋŋende mu
nnimiro okulonda ebirimba bya sayiri, ngoberere oyo anankwatirwa
ekisa*.” Nawomi n'amuddamu nti, “Genda, muwala wange.”
3 Amangwago, n'agenda, n'atandika okulonda mu nnimiro abakunguzi
we bayise. Awo ne yesanga ng'atuuse mu nnimiro ya Bowaazi, ow'omu
kika kya Erimereki.
4 Mu kiseera kye kimu Bowaazi n'atuuka okuva e Besirekemu, n'agamba
abakunguzi be nti, “MUKAMA Katonda abeere nammwe.”
Nabo ne bamuddamu nti, “Naawe MUKAMA Katonda akuwe omukisa.”
5 Awo Bowaazi n'abuuza nampala wa bakunguzi be nti, “Omuwala ono
w'ani?”
6 N'amuddamu nti, “Ono ye muwala Omumowaabu eyajja ne Nawomi
okuva e Mowaabu.
7 Atwegayiridde alondelonde abakunguzi we bayise mu binywa, era asi-
ibye akola okuva obw'enkya okutuusa essaawa eno, okuggyako akabanga
akatono ke yawumuddemu.”
8 Awo Bowaazi n'agamba Luusi nti, “Wuliriza, muwala ggwe. Togen-
danga n'olondanga mu nnimiro endala yonna, tovanga mu eno, naye
obeeranga wamu nabaweereza bange abawala.
9 Gendereranga ennimiro basajja bange mwe bamaze okukungula,
era ogobererenga abawala. Abasajja mbalagidde obutakutawanya. Era
ennyonta bw'ekulumanga, onywenga ku mazzi abasajja ge basenye.”

---

§ **1:22** Sayiri ye yasookanga okukungulwa. Eŋŋaano yakungulwanga wayiseewo wiiki nnyigiko (laba 2:23) * **2:2** Okulonda emmere y'empeke esigaridde mu nnimiro kyali kya bannamwandu, n'abaana enfuuzi, n'abagenyi (Lv 19:9; 23:22; Ma 24:19)

10 Awo Luusi bwe yawulira ebyo, n'avuunama ku ttaka, ng'agamba nti,
"Ng'ondaze ekisa mu maaso go, n'onfaako nze, munnaggwanga."
11 Naye Bowaazi n'addamu nti, "By'okoledde nnyazaala wo kasookedde
balo afa, ne bwe waleka kitaawo ne nnyoko era n'abantu bo n'ojja mu nsi
ey'abantu botomanyi, babintegezezza byonna.
12 MUKAMA Katonda wa Isirayiri gwe weeyuna wansi w'ebiwaawaatiro
bye, akusasule olw'ebyo by'okoze. MUKAMAKatonda wa Isirayiri, oyo gwe
weewagamye wansi w'ebiwawaatiro bye, akuwe empeera ennene ddala."
13 Awo Luusi n'addamu nti, "Nneeyongere okulaba ekisa mu maaso go
mukama wange, kubanga oyogedde ebigambo ebyekisa eri omuweereza
wo era emmeeme yange ogizizza mu nteeko wadde nga sigwanira kuba
omu ku baweereza bo."
14 Ekiseera ekyokulya bwe kyatuuka, Bowaazi n'agamba Luusi nti,
"Jjangu okoze omugaati gwo mu wayini akatuuse†."
Awo Luusi bwe yatuula wansi, Bowaazi n'amuwa sayiri ensiike, n'alya,
n'akkuta, n'emulemera nawo.
15 Oluvannyuma ng'okulya kuwedde, n'agolokoka agende alonde, era
Bowaazi n'alagira abaddu be nti, "Ne bw'anaalonda mu binywa temumu-
gaana.
16 Wakiri, mumuleke yerondere mu miganda so temumuwuuna."
17 Awo Luusi n'alonda mu nnimiro okutuuka akawungeezi, oluvan-
nyuma n'awuula ne sayiri gye yali akuŋŋaanyizza, n'aweza nga kilo
kkumi na ssatu.
18 Yonna n'agyetikka, n'agitwala mu kibuga, ne nnyazaala we n'agiraba.
Era yamuleetera ne ku mmere gye yali afissizzaawo.
19 Nnyazaala we yasanyuka nnyo, era n'amubuuza nti, "Wakoze mu
nnimiro y'ani leero? Aweebwe omukisa oyo akukwatiddwa ekisa!" Awo
Luusi n'abuulira nnyazaala we nannyini nnimiro mwe yakoze, n'erinnya
ly'omwami nga ye Bowaazi.
20 Nawomi namugamba nti, "MUKAMA Katonda atalekanga kulaga kisa
eri abalamu n'abafu, amuwe omukisa. Anti omusajja oyo muganda waffe
ddala, era y'omu ku banunuzi‡ baffe ddala."
21 Luusi Omumowaabu n'ayongerako nti, "N'okuŋŋamba yaŋŋambye
nti nkolere wamu n'abakozi be okutuusa lwe balimala eby'okukungula
bye."
22 Awo Nawomi n'agamba Luusi muka mwana we nti, "Kijja kuba
kirungi nnyo muwala wange, okubeeranga kumpi nabaweereza be
abakazi, kubanga singa onoogenda mu nnimiro y'omulala akabi kayinza
okukutuukako."
23 Awo Luusi n'abeeranga kumpi n'abaweereza ba Bowaazi ng'alonda
okutuusa amakungula ga sayiri n'eŋŋaano bwe gaggwa, n'abeeranga
wamu ne nnyazaala we.

# 3

*Luusi mu Gguuliro lya Bowaazi*

1 Awo Nawomi nnyazaala wa Luusi n'amugamba nti, "Lwaki
sikunoonyeza maka ag'okubeeramu, bakulabiririre eyo?

---

† **2:14** Wayini akatuuse kyali kyakunywa ekitabuddwamu wayini akayirira n'omuzigo omutono.
‡ **2:20** Omununuzi, ye yali muganda w'omugenzi ow'ennyumba ow'okumpi ennyo, era ye yali ateekwa okununula ettaka lyonna ery'omugenzi. Omununuzi yali ateekwa okuwasa nnamwandu, nnamwandu bwe yabanga tazadde baana (Ma 25:5-10)

2 Ewa Bowaazi gy'obadde n'abaweereza be abawala, ye muganda waffe. Kale, ekiro kya leero ajja kuba ng'awewa sayiri mu gguuliro.
3 Kale naaba osaabe obuwoowo, era oyambale engoye zo ezisinga obulungi. Oluvannyuma oserengete mu gguuliro*; naye tomuganya kumanya nti wooli, okutuusa ng'amaze okulya n'okunywa.
4 Oluvannyuma ng'agalamiddeko wansi, weetegereze ekifo w'agalamidde, ogende obikkule ku bigere bye emirannamiro, naawe ogalamire awo; anaakubuulira eky'okukola."
5 Awo Luusi n'amugamba nti, "Nzija kukola nga bw'ondagidde."
6 N'aserengeta mu gguuliro, n'akola byonna nga nnyazaala we bwe yamulagira.
7 Awo Bowaazi bwe yamala okulya n'okunywa, era nga musanyufu, n'agenda n'agalamira ku mabbali g'entuumo ye ŋŋaano. Luusi naye n'asooba mpola mpola, n'abikkula ku bigere bye, n'agalamira awo kumpi naye.
8 Ekiro mu ttumbi, Bowaazi ne yeekanga, bwe yeekyusa n'alaba omukazi agalamidde kumpi n'ebigere bye.
9 N'amubuuza nti, "Ggwe ani?" Luusi n'addamu nti, "Nze Luusi omuweereza wo. Mbikkaako ku lugoye lwo kubanga oli mununuzi wa kika†."
10 Bowaazi n'amuddamu nti, "Mukama Katonda akuwe omukisa muwala ggwe, olw'ekisa ekinene kyondaze okusinga eky'oluberaberye, kubanga togenze wa bavubuka, abagagga oba abaavu.
11 Kaakano, muwala ggwe, totya. Nzija kukukolera buli kintu kyonna ky'onoosaba. Abantu bange bonna ab'omu kibuga, bamanyi ng'oli mukazi mwegendereza.
12 Kya mazima ddala ndi mununuzi wo, naye waliwo ansingako.
13 Beera wano okutuusa obudde lwe bunaakya. Kale bw'anaayagala okukutwala, kinaaba kirungi; naye bw'anaaba nga tasiimye, Mukama Katonda nga bw'ali omulamu, nnaakutwala."
14 N'agalamira kumpi n'ebigere bye okutuusa enkeera, naye n'agolokoka nga tebunnalaba addeyo eka. Naye Bowaazi n'amukuutira nti, "Kireme okumanyibwa nti omukazi yazzeeko mu gguuliro."
15 Era n'amugamba aleete omunagiro gw'ayambadde; n'agukwata, n'amugerera ebigero mukaaga ebya sayiri, n'abimutikka, oluvannyuma Luusi n'addayo mu kibuga.
16 Bwe yatuuka eri nnyazaala we, Nawomi n'amubuuza nti, "Byagenze bitya muwala wange?" N'amubuulira ebintu byonna Bowaazi bye yamukoledde,
17 era n'ayongerako nti, "Yampadde ebigero bino omukaaga ebya sayiri, n'aŋŋamba nti, 'Toddayo wa nnyazaala wo ngalo nsa.' "
18 Nawomi n'amugamba nti, "Gumiikiriza, muwala wange, olabe ebigambo gye binakkira, kubanga leero omusajja oyo tajja kuwummula okutuusa ensonga eyo lw'anagimala."

# 4

*Bowaazi ne Luusi Bafumbiriganwa*

* **3:3** Sayiri yassibwanga ensolo nga zimulinnyirira emisana. N'oluvannyuma abarimi beeyambisanga empewo ey'akawungeezi okulondamu empeke. Empewo yafuwanga kasasiro n'erekawo empeke mu gguuliro
† **3:9** Omusajja okuddira olugoye lwe n'alubikka omukyala, kaali kabonero akalaga ng'omusajja oyo bwe yeetegese okuwasa omukyala oyo

1 Awo Bowaazi n'ayambuka ku wankaaki w'ekibuga n'atuula awo. Mu
kiseera kye kimu, muganda we oli gwe yayogerako ngali ne Luusi, yali
ayitawo. Bowaazi n'amuyita namugamba nti, "Jjangu otuuleko wano
munnange." Naye n'akkiriza, n'agenda n'atuula we yali.
2 Bowaazi n'ayita n'abasajja kkumi ku bakadde b'ekibuga ne bajja ne
batuula awo.
3 N'alyoka agamba muganda we nti, "Nawomi, eyakomyewo okuva
mu Mowaabu, atunda ekibanja ekyali ekya muganda waffe omugenzi
Erimereki.
4 Ndowoozezza nti nkutegeeze ku nsonga eyo, ekibanja ekyo okigulire
mu maaso g'abakadde baffe. Bw'oba ng'oyagala okukinunula kinunule.
Naye bw'oba nga toyagala, ntegeeza nkimanye. Tewali mulala alina
buyinza kukinunula wabula ggwe, ate nga nze nkuddirira mu lunyiriri
lwaffe."
Omusajja n'addamu nti, "Nzija kukinunula."
5 Awo Bowaazi n'amugamba nti, "Olunaku lw'oligula ekibanja ekyo ku
Nawomi, ne Luusi Omumowaabu, nnamwandu naye olimutwala, erinnya
lye yafa n'olikuuma n'ebintu bye n'obirabirira."
6 Amangwago, omusajja n'addamu nti, "Nze sisobola kukinunula
kubanga nnyinza okwonoona obusika bwange. Noolwekyo gwe kinunule."
7 (Edda mu Isirayiri, empisa ey'okununula n'okuwaanyisa, yali nga
bw'eti: omuntu omu yaggyangamu engatto* ye, n'agiwa munne. Eno ye
yali ng'enkola entuufu mu Isirayiri).
8 Awo omusajja n'agamba nti, "Kyegulire." Amangwago Bowaazi
n'aggyamu engatto ye.
9 Bowaazi n'alangirira eri abakadde n'abantu bonna nti, "Olwa leero,
nguze ku Nawomi ebintu byonna ebya Erimereki, n'ebya Kiriyoni n'ebya
Maloni, era mmwe muli bajulirwa.
10 Era ne Luusi Omumowaabu, nnamwandu wa Maloni, naye mu-
tutte okuba mukazi wange, okusobola okukuuma erinnya ly'omugenzi
Erimereki n'ebintu bye, erinnya lye lireme okufiira awo ate n'okugibwa
ne ligibwa mu bitabo bye byafaayo eby'ekibuga. Mmwe bajulirwa!"
11 Awo abakadde n'abantu bonna abaali ku wankaaki ne boogera nti,
"Tuli bajulirwa. MUKAMA Katonda amufaananye nga Laakeeri ne Leeya†,
abaazimbira awamu ennyumba ya Isirayiri. Naawe Bowaazi oyale mu
Efulasi, era oyatiikirire mu Besirekemu,
12 era n'ezzadde MUKAMA Katonda ly'anaakuwa mu mukazi oyo, libeere
ng'ennyumba ya Pereezi‡, Tamali gwe yazaalira Yuda."
13 Awo Bowaazi n'awasa Luusi okuba mukazi we, n'ayingira gy'ali, n'aba
olubuto, MUKAMA Katonda n'amusobozesa okuzaala omwana owoobu-
lenzi.
14 Abakyala ne bagamba Nawomi nti, "MUKAMA Katonda yeebazibwe,
oyo atakulese nga tolina mununuzi olunaku lwa leero. Era erinnya
ly'omwana lyatiikirire mu Isirayiri yonna!
15 Kubanga muka mwana wo akwagala, alizza obuggya obulamu bwo
n'akuwanirira mu bukadde bwo; era akusingira abaana omusanvu, be
yandizadde."

---

* **4:7** Mu bitundu ebyo eby'ensi, okuba n'engatto kaali kabonero akalaga ng'omuntu bw'ali omugagga (Zab 60:8). † **4:11** Ng'Abayisirayiri bonna bwe baali bazzukulu ba Laakeeri ne Leeya, bwe kityo ne Luusi yali jjajja wa Dawudi ne Kristo. ‡ **4:12** Pereezi yali jjajja wa Bowaazi (Mat 1:3; Luk 3:33)

16 Awo Nawomi n'atwala omwana, n'amuwambaatira mu kifuba kye,
n'amulabirira.
17 Abakyala ab'oku muliraano ne bagamba nti, "Ewa Nawomi ezaalid-
dwayo omwana." Ne bamutuuma erinnya Obedi, oyo ye kitaawe wa Yese,
era jjajja wa Dawudi.
18 Luno lwe lunyiriri lwa Pereezi:

Pereezi yali kitaawe wa Kezulooni,
19 Kezulooni yali kitaawe wa Laamu,
Laamu n'aba kitaawe wa Amminadaabu.
20 Amminadaabu yali kitaawe wa Nakusoni,
Nakusoni nga ye kitaawe wa Salumooni;
21 Salumooni yali kitaawe wa Bowaazi,
Bowaazi n'aba kitaawe wa Obedi;
22 Obedi yali kitaawe wa Yese,
Yese n'aba kitaawe wa Dawudi.

# Ekitabo Ekiyitibwa Samwiri eky'Olubereberye

*Okuzaalibwa kwa Samwiri*
1 Waaliwo omusajja Omwefulayimu eyabeeranga e Lamasayimuzofimu,
mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ng'ayitibwa Erukaana, nga mutabani
wa Yerokamu, muzzukulu wa Eriku, muzzukulu wa Toku, muzzukulu wa
Zufu.
2 Yalina abakyala babiri, omu nga ye Kaana; n'omulala nga ye Penina.
Penina yalina abaana, naye Kaana nga mugumba.
3 Buli mwaka omusajja oyo yayambukanga okuva mu kibuga
ky'ewaabwe okugenda okusinza n'okuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA
ow'Eggye e Siiro*. Eyo Kofuni ne Finekaasi batabani ba Eri gye
baawererezanga nga bakabona ba MUKAMA Katonda.
4 Awo olunaku olw'okuwaayo ssaddaaka bwe lwatuuka, Erukaana,
n'awa Penina ne batabani be, ne bawala be emigabo egy'ennyama.
5 Naye Kaana n'amuwa emigabo ebiri kubanga yamwagala nnyo,
newaakubadde nga MUKAMA Katonda yali tamuwadde mwana.
6 Era kubanga MUKAMA Katonda yali tamuwadde mwana, muggya we
n'amucoccanga.
7 Ebyo byabangawo buli mwaka, era bwe baayambukanga okugenda
mu yeekaalu ya MUKAMA, muggya we n'amujoogerezanga okutuusa lwe
yakaabanga, n'okulya n'atalya.
8 Bba Erukaana n'amubuuza nti, "Kaana, okaabiranga ki? Lwaki tolya?
Kiki ekikweraliikiriza? Nze sikusingira abaana ekkumi?"
9 Lwali lumu bwe baali bamaze okulya n'okunywa e Siiro, Eri yali atudde
ku ntebe okumpi n'omulyango gwa yeekaalu†, Kaana n'asituka n'agenda
mu maaso ga MUKAMA Katonda.
10 Mu kulumwa olw'ennaku ennyingi ennyo, n'akaaba nnyo amaziga
ng'asaba MUKAMA Katonda.
11 Ne yeeyama ng'agamba nti, "Ayi MUKAMA Ayinzabyonna,
bw'olitunuulira ennaku ey'omuweereza wo, n'onzijukira, n'ompa
omwana owoobulenzi, ndimuwaayo eri MUKAMA Katonda ennaku zonna
ez'obulamu bwe nga muwonge, era enviiri ze teziimwebwengako."
12 Awo Kaana bwe yeeyongera okusaba ennyo eri MUKAMA Katonda, Eri
ne yeekaliriza akamwa ke.
13 Kaana yali asaba mu kasirise, ng'emimwa gye ginyeenya, naye nga
eddoboozi lye teriwulikika. Eri n'alowooza nti atamidde.
14 Eri kyeyava amugamba nti, "Olikomya ddi okujjanga wano
ng'otamidde? Ggyawo ettamiiro lyo."
15 Naye Kaana n'amuddamu nti, "Si bwe kiri mukama wange; nze ndi
mukazi ajjudde ennaku. Sinnanywa ku wayini newaakubadde ekitamiiza
ekirala; mbadde nkaabira MUKAMA Katonda mu mmeeme yange.

---

* **1:3** Siiro Essanduuko ya MUKAMA ne Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu (3:3; Yos 18:1) byali olugendo lwa kilomita amakumi asatu mu bukiikakkono bwa Yerusaalemi. Era kyali kigwanidde Abayisirayiri bonna okulagangayo okusinzizaayo emirundi esatu buli mwaka (Ma 16:16-17; Kuv 23:14-19) † **1:9** Yeekaalu eyogerwako wano ye Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu

16 Omuweereza wo tomulowooza okuba omukazi ow'ekyejjo, kubanga
mbadde nsindira MUKAMA ennaku n'obuyinike bwange."
17 Awo Eri n'amuddamu nti, "Genda mirembe. Katonda wa Isirayiri
akuwe ekyo ky'omusabye."
18 N'ayogera nti, "Omuweereza wo alabe ekisa mu maaso go." Olu-
vannyuma ne yeetambulira, n'alya ku mmere, n'atandika okutunula
n'essanyu.
19 Awo Erukaana n'ab'ewuwe ne bagolokoka enkeera mu makya ne
basinza MUKAMA, n'oluvannyuma ne baddayo ewaabwe e Laama. Ne
yeetaba ne mukazi we Kaana, MUKAMA Katonda n'amujjukira.
20 Kaana n'aba olubuto n'azaala omwana wabulenzi. N'amutuuma erin-
nya Samwiri, amakulu gaalyo, "Kubanga namusaba MUKAMA Katonda."

### *Kaana Awonga Samwiri*

21 Awo Erukaana n'ayambuka n'ab'ennyumba ye okugenda okuwaayo
ssaddaaka eri MUKAMA Katonda n'okutuukiriza obweyamo bwe.
22 Naye Kaana teyagenda nabo. N'agamba bba nti, "Omwana bw'aliva
ku mabeere‡, ndimutwala ne mulagayo eri MUKAMA Katonda, era alibeera
eyo ennaku ze zonna."
23 Erukaana n'amuddamu nti, "Kola nga bw'osiima. Linda okutu-
usa lw'olimala okumuggya ku mabeere; MUKAMA Katonda atuukirize
ekigambo kye." Awo omukyala n'asigala eka, n'alabirira omwana
okutuusa lwe yava ku mabeere.
24 Bwe yava ku mabeere, n'amutwala mu yeekaalu ya MUKAMA Katonda
e Siiro ng'akyali muto; ne batwala ente ssatu ennume, n'endebe ey'obutta,
n'eccupa y'envinnyo.
25 Bwe baamala okusala emu ku nte, ne batwala omwana eri Eri.
26 Kaana n'ayogera nti, "Nga bw'oli omulamu mukama wange, nze
mukyala oli eyayimirira okumpi naawe, ne nsaba MUKAMA Katonda.
27 Namusaba omwana ono, era MUKAMA Katonda ampadde kye namus-
aba.
28 Kaakano mmuwaayo eri MUKAMA, era obulamu bwe bwonna
aweereddwayo eri MUKAMA Katonda." Omwana n'asinzizanga MUKAMA
Katonda eyo.

## 2

### *Okusaba kwa Kaana*

1 Awo Kaana n'asaba mu bigambo bino nti,
"Omutima gwange gusanyukira MUKAMA;
amaanyi gange geenyumiririza mu MUKAMA Katonda.
Akamwa kange kasekerera abalabe bange,
kubanga essanyu lyange liri mu bulokozi bwo."

2 Tewali mutukuvu nga MUKAMA Katonda
tewali mulala wabula ggwe;
tewali Lwazi oluli nga Katonda waffe.

3 Toyogera nate nga weewaanawaana
wadde okuleka akamwa ko okwogera eby'amalala,
kubanga MUKAMA Katonda y'amanyi byonna,

‡ **1:22** Abaana baavanga ku mabeere nga wayiseewo emyaka esatu oba oluusi n'okusingawo

era y'apima ebikolwa.

4 Emitego egy'ab'amaanyi gimenyebbwa
naye abanafu baweereddwa amaanyi.
5 Abo abakkutanga, be bapakasa okufuna emmere
naye abo abeetaaga, tebakyalumwa njala.
Eyali omugumba azadde abaana musanvu,
n'oyo alina abaana abangi, asobeddwa.

6 MUKAMA Katonda y'aleeta okufa, era y'awa obulamu;
atwala emagombe ate n'azuukiza.
7 MUKAMA Katonda y'ayavuwaza era y'agaggawaza;
atoowaza ate n'agulumiza.
8 Ayimusa abaavu okuva mu nfuufu;
asitula abali mu bwetaavu okuva mu ntuumu y'evvu;
n'abatuuza n'abalangira, era ne basikira entebe ey'ekitiibwa.
Kubanga emisingi gy'ensi gya MUKAMA Katonda, era okwo kw'atuuzizza ensi.

9 Anaakuumanga ebigere by'abatukuvu be,
naye ababi balisirisibwa mu kizikiza;
kubanga omuntu tawangula lw'amaanyi.
10 Abalabe ba MUKAMA Katonda balisaasaanyizibwa;
alibabwatukira ng'asinziira mu ggulu.
MUKAMA alisalira ensonda ez'ensi omusango;
aliwa kabaka we amaanyi,
era n'agulumiza amaanyi g'oyo gwe yafukako amafuta.
11 Awo Erukaana n'addayo ewuwe e Lama, naye omwana n'asigala
ng'aweereza MUKAMA Katonda, ng'alabirirwa Eri.

### *Batabani ba Eri*

12 Batabani ba Eri baali basajja ba mpisa mbi, nga tebatya MUKAMA
Katonda.
13 Omuntu yenna bwe yawangayo ssaddaaka, omuweereza wa kabona
yajjanga, ng'akutte ewuuma ey'amannyo asatu ng'ennyama ekyatokosebwa,
14 n'asonseka ewuuma mu nsaka oba mu bbinika, oba mu ntamu, oba
mu sefuliya, era ebyo byonna ewuuma bye yakwasanga, kabona bye
yeetwaliranga. Bwe batyo bwe baakolanga Abayisirayiri bonna abajjanga
okusinziza e Siiro.
15 Ate amasavu bwe gaabanga tegannayokebwa, omuweereza wa
kabona yajjanga n'agamba omuntu awaayo ssaddaaka nti, "Kabona muwe
ku nnyama ayokye, kubanga tajja kukkiriza kutwala nnyama nfumbe
ayagala mbisi yokka*."
16 Omusajja bwe yamuddangamu nti, "Leka bamale okwokyako
amasavu, olyoke otwale yonna gy'oyagala," omuweereza yaddangamu
nti, "Nedda, oteekwa okugimpa kaakano, bwe kitaba bwe kityo, nzija
kugitwala lw'amaanyi."
17 Ekibi ky'abavubuka abo ne kiba kinene nnyo mu maaso ga MUKAMA,
kubanga baanyoomanga ekiweebwayo kya MUKAMA Katonda.

* **2:15** Etteeka lyaweebwa ng'amasavu n'ennyama ensava byali byakwokeeranga ku kyoto (Lv 3:16; 4:8-10).

18 Samwiri n'aweerezanga mu maaso ga MUKAMA Katonda nga mulenzi muto, eyayambalanga ekkanzu ey'obwakabona eya bafuta.

19 Nnyina n'amukolelanga ekyambalo n'akimutwaliranga, bwe yabanga ayambuse ne bba okuwaayo ssaddaaka eya buli mwaka.

20 Eri n'awa Erukaana ne mukyala we omukisa, ng'ayogera nti, "MUKAMA Katonda abawe abaana okudda mu kifo ky'oyo mukazi wo ono gwe yasaba, n'amuwaayo ng'ekirabo eri MUKAMA." N'oluvannyuma baddayo eka.

21 MUKAMA n'aba wa kisa eri Kaana, n'azaala abaana aboobulenzi basatu, n'aboobuwala babiri. Omuvubuka Samwiri n'akulira mu maaso ga MUKAMA.

22 Awo Eri eyali akaddiye ennyo, n'awulira ebyo byonna batabani be bye baakolanga Abayisirayiri bonna, ne bwe beetabanga n'abakyala abaweerezanga ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.

23 N'abagamba nti, "Kiki ekibakoza ebifaanana bwe bityo? Bye mpulira okuva eri abantu bano bonna nga si birungi.

24 Nedda, baana bange; ebigambo bye mpulira ebisaasaana mu bantu ba MUKAMA si birungi n'akatono.

25 Omuntu bw'ayonoona eri muntu munne, Katonda† ayinza okubatabaganya, naye omuntu bw'ayonoona eri MUKAMA, ani anaamwegayiririra?" Naye ne batawuliriza bigambo bya kitaabwe, kubanga MUKAMA yali asazeewo okubazikiriza.

26 Awo omuvubuka Samwiri ne yeeyongera okukula, n'aba muganzi eri MUKAMA n'eri abantu.

### *Ebyalangibwa ku Nnyumba ya Eri*

27 Awo ne wabaawo omusajja wa Katonda eyajja eri Eri, n'amugamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Sseeraga bulungi eri ennyumba ya jjajjaawo mu Misiri bwe baali bafugibwa Falaawo?

28 Nalonda jjajjaawo okuva mu bika byonna ebya Isirayiri okuba kabona wange, okwambukanga ku kyoto kyange, okwoterezangako obubaane, n'okwambalanga ekkanzu ey'obwakabona eya bafuta mu maaso gange. Era ne mpa ennyumba ya jjajjaawo ebiweebwayo byonna ebyokebwa Abayisirayiri.

29 Lwaki munyooma ssaddaaka yange n'ekiweebwayo kyange bye nalagira, okuweebwangayo mu yeekaalu yange? Lwaki ossaamu batabani bo ekitiibwa okunsinga, nga mweddiza ebitundu ebisinga obusava ku buli kiweebwayo abantu bange, Isirayiri, kye bawaayo?'

30 "MUKAMA Katonda wa Isirayiri kyava ayogera nti, 'Nasuubiza nti ennyumba yo n'ennyumba ya jjajjaawo be banaaweerezanga mu maaso gange ennaku zonna;' naye kaakano MUKAMA agamba nti, 'Kikafuuwe! Abanzisaamu ekitiibwa bennassangamu ekitiibwa, naye abo abonnyooma banaaswazibwanga.

31 Laba ekiseera kijja lwe ndikumalamu amaanyi era n'ennyumba ya jjajjaawo nayo ne ngimalamu amaanyi, waleme okubaawo n'omu aliwangaala okutuuka mu bukadde,

32 olyoke olabire ennaku mu nnyumba yange. Newaakubadde Isirayiri erifuna omukisa, tewalibaawo n'omu ku b'omu nnyumba yo aliwangaala n'akaddiwa.

† **2:25** oba abalamuzi

33 Omuntu yekka ku bantu bo gwe siizikirize, gwe ndikkiriza
okumpeereza ku kyoto kyange, alisigalawo kukulabya nnaku, na kuku-
nakuwaza mu mutima, na kukukaabya maziga; era bazzukulu bo bonna
banaafanga nga kyebajje bavubuke.’
34 “ ‘Ekirituuka ku batabani bo, Kofuni ne Finekaasi, ke kaliba akabonero
gy’oli era bombi balifa ku lunaku lumu.
35 Ndyeyimusiza kabona omwesigwa, aligoberera ebiri mu mutima
gwange ne mu mmeeme yange. Ndinywereza ddala ennyumba ye, era
aliweerezanga ennaku zonna mu maaso g’oyo gwe ndifukako amafuta.
36 Era buli aliba asigaddewo ku b’omu nnyumba yo alijja
n’amuvuunamira ng’amusaba ekitundu kya ffeeza n’omugaati ng’ayogera
nti, “Nkwegayiridde nnonda okuba omu ku bakabona, nsobole okufuna
ekyokulya.” ’ ”

# 3

## *MUKAMA Ayita Samwiri*

1 Awo omuvubuka Samwiri n’aweerezanga mu maaso ga MUKAMA
ng’alabirirwa Eri. Mu biro ebyo ekigambo kya MUKAMA kyali kya bbula,
era nga n’okwolesebwa kwa bbalirirwe.
2 Mu kiseera ekyo, Eri eyali akaddiye, n’amaaso ge nga gayimbadde, yali
awumuddeko mu kisenge kye.
3 Ettabaaza* ya Katonda yali tennazikira nga ne Samwiri yeebase mu
yeekaalu† ya MUKAMA ng’aliraanye essanduuko ya Katonda we yali.
4 Awo MUKAMA n’akoowoola Samwiri nti, “Samwiri, Samwiri!”
N’addamu nti, “Nze nzuuno.”
5 N’adduka n’agenda ewa Eri n’amugamba nti, “Nze nzuuno, ompise.”
Naye Eri n’amuddamu nti, “Sikuyise, ddayo weebake.”
6 MUKAMA n’addamu n’amuyita, “Samwiri!” Samwiri n’asituka
n’agenda eri Eri, n’amugamba nti, “Nze nzuuno, ompise.” Naye Eri
n’amuddamu nti, “Sikuyise, mutabani, ddayo weebake.”
7 Samwiri yali tannategeera nga MUKAMA y’amuyita, nga n’ekigambo
kya MUKAMA tekimubikkulirwanga.
8 MUKAMA n’addamu n’akoowoola Samwiri omulundi ogwokusatu,
Samwiri n’asituka n’agenda eri Eri n’amugamba nti, “Nzuuno, ompise.”
Awo Eri n’ategeera nti MUKAMA y’ayita omuvubuka.
9 Eri kyeyava agamba Samwiri nti, “Genda weebake, bw’anaddamu
okukuyita, oddamu nti, Yogera, MUKAMA, kubanga omuweereza wo
awulira.” Awo Samwiri n’agenda n’agalamira mu kifo kye.
10 MUKAMA n’ajja nate, n’amukoowoola ng’olubereberye nti, “Samwiri!
Samwiri!” Samwiri n’addamu nti, “Yogera, Ayi MUKAMA kubanga
omuweereza wo awulira.”
11 Awo MUKAMA n’agamba Samwiri nti, “Laba, ndikumpi okukola
ekigambo mu Isirayiri ekirireetera amatu ga buli muntu alikiwulira
okuwaawaala.
12 Ku lunaku olwo ndituukiriza ebyo byonna bye nnali njogedde ku
nnyumba ya Eri.

---

* **3:3** Ettabaaza ya Katonda mu kifo ekitukuvu yali eteekeddwa okwaka ekiro kyonna (Kuv 27:20-21; 30:7-8). Noolwekyo okwolesebwa okwo kwaliwo mu ssaawa ez’oku makya ennyo, ng’enjuba tennavaayo † **3:3** eyogerwako wano ye Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu

13 Namulabula nti ndibonereza ennyumba ye ennaku zonna, olw'obutali butuukirivu bwa batabani be abavvoola Katonda, n'akimanya naye n'atabaziyiza.

14 Kyenva ndayirira ennyumba ya Eri nga ŋŋamba nti, 'Omusango oguli ku nnyumba ya Eri tegulisonyiyibwa na ssaddaaka newaakubadde ekiweebwayo ennaku zonna.' "

15 Samwiri n'addayo n'agalamira okutuusa obudde lwe bwakya, n'aggulawo enzigi ez'ennyumba ya MUKAMA. N'atya okutegeeza Eri okwolesebwa kwe yafuna,

16 naye Eri n'amuyita n'amugamba nti, "Samwiri, mwana wange." N'addamu nti, "Nze nzuuno."

17 Eri n'amubuuza nti, "Kiki kye yakugambye? Tokinkisa. Katonda akuleeteko ekibonerezo eky'amaanyi bw'onoobaako ekigambo kyonna ky'onkisizza ku ebyo bye yakugambye."

18 Awo Samwiri n'amutegeeza buli kimu, n'atabaako kigambo na kimu kye yamukisa. Eri n'ayogera nti, "Ye MUKAMA, akole nga bw'asiima."

19 MUKAMA n'abeera wamu ne Samwiri, n'akula. Buli kigambo kye yayogera ku nnyumba ya Eri ne kituukirira.

20 Isirayiri yenna okuva mu Ddaani okutuuka e Beeruseba ne bategeera nga Samwiri ateekeddwawo okuba nnabbi wa MUKAMA.

21 MUKAMA ne yeeyongeranga okweyolekera Samwiri mu Siiro.

# 4

### *Abafirisuuti Bawamba Essanduuko ya Katonda*

1 Awo ekigambo kya Samwiri ne kibuna Isirayiri yenna.

Mu biro ebyo Abayisirayiri ne balumba Abafirisuuti, Abayisirayiri ne basiisira okumpi ne Ebenezeri, ate nga Abafirisuuti bo basiisidde mu Afeki.

2 Abafirisuuti ne basimba ennyiriri okulumba Abayisirayiri ne bayungula eggye lyabwe okulumba; olutalo bwe lwanyiinyiitira, Abayisirayiri ne bawangulibwa, era enkumi nnya ku bo ne battibwa.

3 Abalwanyi bwe baddayo mu nkambi, abakadde ba Isirayiri ne beebuuzaganya nti, "Lwaki MUKAMA alese Abafirisuuti okutuwangula leero? Tuleete essanduuko ya MUKAMA ey'endagaano okuva e Siiro, tugende nayo etuwonye amaanyi g'abalabe baffe."

4 Awo abantu ne batuma abasajja e Siiro, ne baggyayo essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA Ayinzabyonna, atudde ku ntebe ye ey'obwakabaka wakati mu bakerubi. Batabani ba Eri bombi, Kofuni ne Finekaasi nabo ne bagenda n'essanduuko ya Katonda ey'endagaano.

5 Essanduuko ya MUKAMA ey'endagaano bwe yatuuka mu nkambi ey'Abayisirayiri, bonna ne baleekaanira waggulu mu ddoboozi ery'omwanguka, n'ettaka ne liyuuguuma.

6 Awo Abafirisuuti bwe baawulira oluyoogaano ne beebuuza nti, "Oluyoogaano olwo lwonna mu nkambi ey'Abaebbulaniya lutegeeza ki?"

Bwe baategeera nti essanduuko ya MUKAMA ereeteddwa mu nkambi,

7 Abafirisuuti ne batya. Ne boogera nti, "Lubaale azze mu nkambi. Tufudde! Tewabangawo kigambo ekifaanana bwe kityo.

8 Zitusanze! Ani ayinza okutuwonya balubaale[*] bano ab'amaanyi? Bano be balubaale abaabonyaabonya Abamisiri n'endwadde n'ebibonoobono ebya buli ngeri mu ddungu.

---

* **4:8** Abafirisuuti bakkiririzanga mu bakatonda bangi.

9 Abafirisuuti, mugume omwoyo, mube basajja. Bwe kitaabe bwe kityo munaaba baddu b'Abaebbulaniya nga bo bwe babadde abaweereza bammwe. Mube basajja mulwane."

10 Abafirisuuti ne beerwanako ne bawangula Abayisirayiri. Buli Muyisirayiri n'addukira mu nsiisira ye. Ne waba okuttibwa kunene nnyo, Abayisirayiri ne bafiirwa abaserikale abaatambuzanga ebigere emitwalo esatu.

11 Essanduuko ya Katonda n'ewambibwa, era ne batabani ba Eri bombi, Kofuni ne Finekaasi ne battibwa.

### *Okufa Kwa Eri*

12 Olunaku lwe lumu ne wabaawo omusajja Omubenyamini eyava mu lutalo n'adduka okutuuka e Siiro, ng'ayuzizza engoye ze n'omutwe gwe nga gujjudde enfuufu.

13 Bwe yatuuka, Eri yali atudde mu ntebe ye ku mabbali g'ekkubo ng'atunula, nga yeeraliikiridde olw'essanduuko ya Katonda. Omusajja bwe yatuuka mu kibuga n'asaasaanya amawulire ku ebyo ebibaddewo, ekibuga kyonna ne kikuba ebiwoobe.

14 Eri bwe yawulira oluyoogaano n'abuuza nti, "Oluyoogaano luno luva ku ki?"

Omusajja n'ayanguwa n'atuuka awaali Eri n'amutegeeza.

15 Eri yali aweza emyaka egy'obukulu kyenda mu munaana, amaaso ge nga gayimbadde, era nga n'okulaba takyalaba.

16 Omusajja oyo n'ategeeza Eri nti, "Naakava mu lutalo, era nziruseeyo leero."

Eri n'amubuuza nti, "Bigenze bitya mwana wange?"

17 Omusajja eyaleeta amawulire n'amuddamu nti, "Isirayiri edduse Abafirisuuti, era eggye lyaffe lifiiriddwa abalwanyi bangi. Ate ne batabani bo bombi Kofuni ne Finekaasi battiddwa, era n'essanduuko ya Katonda ewambiddwa."

18 Olwayogera ku ssanduuko ya Katonda, Eri n'asirituka okuva ku ntebe ye n'agwa okumpi n'omulyango. Ensingo ye n'emenyeka n'afiirawo kubanga yali musajja mukadde nnyo ate nga n'obuzito muzito. Yali akulembedde Isirayiri okumala emyaka amakumi ana.

19 Mu kiseera ekyo muka mwana we, Finekaasi, yali lubuto era ng'anaatera okuzaala. Bwe yawulira amawulire nti Essanduuko ya Katonda ewambiddwa era nti ne ssezaala we ne bba bafudde, n'alumwa era n'azaalirawo, kubanga obulumi bwamuyitirirako.

20 Omukazi oyo bwe yali ng'anaatera okufa, abamuzaalisa ne bamugamba nga boogera nti, "Totya, kubanga ozadde mulenzi." Naye n'atabaanukula wadde okubassaako omwoyo.

21 N'atuuma omwana erinnya Ikabodi, amakulu gaalyo nti, "Ekitiibwa kivudde ku Isirayiri," kubanga essanduuko ya Katonda yali ewambiddwa ate nga ssezaala we ne bba bafudde.

22 N'ayogera nti, "Ekitiibwa kivudde ku Isirayiri kubanga essanduuko ya Katonda ewambiddwa."

## 5

### *Abafirisuuti n'Essanduuko ya Mukama mu Asudodi ne Ekuloni*

1 Awo Abafirisuuti bwe bawamba essanduuko ya Katonda, ne bagiggya Ebenezeri ne bagitwala mu Asudodi;

2 ne bagisitula ne bagiteeka mu ssabo lya Dagoni[*], okuliraana Dagoni.
3 Awo abantu ba Asudodi bwe baagolokoka enkeera, baasanga Dagoni
agudde mu maaso g'essanduuko ya MUKAMA. Ne basitula Dagoni ne
bamuzzaawo.
4 Era ne bwe baagolokoka enkeera ku lunaku olwaddirira, baasanga
Dagoni agudde mu maaso g'essanduuko ya MUKAMA, ng'omutwe gwe
n'emikono gye bikutuseeko nga bigudde mu mulyango, ng'ekiwuduwudu
kye, kye kisigaddewo.
5 Bakabona ba Dagoni n'abo bonna abayingira mu ssabo lya Dagoni
kyebava balema okulinnya ku mulyango gw'essabo lye, ne leero.
6 Omukono gwa MUKAMA ne gubonereza abantu b'e Asudodi
n'emiriraano, n'abaleetako entiisa era ne bakwatibwa ebizimba.
7 Awo abantu b'e Asudodi bwe baalaba ebyabatuukako ne boogera
nti, "Essanduuko ya Katonda wa Isirayiri teteekwa kusigala wano naffe,
kubanga omukono gwe gutuliko era guli ne ku lubaale waffe Dagoni."
8 Ne bakuŋŋaanya abakungu bonna ab'Abafirisuuti ne bababuuza nti,
"Tunaakola tutya essanduuko ya Katonda wa Isirayiri?" Ne baddamu nti,
"Essanduuko ya Katonda wa Isirayiri etwalibwe e Gaasi." Awo ne batwala
eyo essanduuko ya Katonda wa Isirayiri.
9 Naye bwe baagituusa eyo, omukono gwa MUKAMA ne gulwana
n'ekibuga ekyo, ne waba okutya kungi nnyo nnyini mu batuuze b'ekibuga
ekyo. Abakulu n'abato n'abaleetako ebizimba ku bitundu byabwe
eby'ekyama.
10 Kyebaava baweereza essanduuko ya Katonda mu Ekuloni.
Naye essanduuko ya Katonda bwe yali ng'eneetera okutuuka mu Eku-
loni, Abaekuloni ne bakaaba nga boogera nti, "Batuleetedde essanduuko
ya Katonda wa Isirayiri, okututta n'abantu baffe."
11 Awo ne bakuŋŋaanya abakungu bonna ab'Abafirisuuti, ne
babagamba nti, "Muzzeeyo essanduuko ya Katonda wa Isirayiri mu
kifo kyayo, ereme kututta ffe n'abantu baffe." Omukono gwa Katonda
gwali gubazitooweredde nnyo era nga bajjudde entiisa ey'okufa.
12 Abo abataafa baalwala ebizimba, okukaaba mu kibuga ne kutuuka
mu ggulu.

# 6

### *Essanduuko Ezzibwayo mu Isirayiri*

1 Awo essanduuko ya MUKAMA bwe yali yakamala emyezi musanvu mu
nsi y'Abafirisuuti,
2 Abafirisuuti ne batumya bakabona n'abafumu, ne bababuuza nti,
"Tukolere ki essanduuko ya MUKAMA? Mututegeeze bwe tuba tugizzaayo
mu kifo kyayo."
3 Ne baddamu nti, "Bwe muba muzzaayo essanduuko ya katonda wa
Isirayiri, temugiweereza awatali kirabo, naye mufuba okumuweereza
ekiweebwayo olw'omusango. Olwo nno lwe munaawona, era mu-
naabikulirwa kyeyavudde ababonereza."
4 Abafirisuuti ne babuuza nti, "Kiki kye tunamuweereza okuba eki-
weebwayo olw'omusango?" Ne babaddamu nti, "Ebibumbe eby'ebizimba

---

[*] **5:2** Dagoni ye yali lubaale omukulu ow'Abafirisuuti (laba Bal 16. 23)

ebya zaabu bitaano n'ebibumbe eby'emmese eza zaabu bitaano*, ng'omuwendo gwa bakulembeze b'Abafirisuuti bwe guli.
"Mwabonerezebwa mu ngeri y'emu ng'abakulembeze bammwe n'ensi yammwe.
5 Noolwekyo mukole ebibumbe eby'ebizimba n'eby'emmese ebireetedde
ensi okusaanawo, muwe Katonda wa Isirayiri ekitiibwa; oboolyawo anaabasonyiwa, ne balubaale bammwe n'ensi yammwe.
6 Lwaki mukakanyaza emitima gyammwe ng'Abamisiri ne Falaawo bwe
baakola? Bwe yabamala† amaanyi, tebakkiriza Bayisirayiri kugenda era ne bagenda?
7 "Kale nno, muteeketeeke ekigaali ekipya, n'ente bbiri ezaakazaala,
ezitateekebwangako kikoligo, muzisibe ku kigaali, naye ennyana zaazo muziziggyeeko.
8 Muddire essanduuko ya MUKAMA mugiteeke ku kigaali, ate muddire
n'ekisanduuko mwe munaateeka ebintu ebya zaabu olw'ekiweebwayo olw'ekibi, mukiteeke ku mabbali g'essanduuko ya MUKAMA. Mugisindike, egende yokka.
9 Naye mugitunuulire; bw'eneekwata ekkubo erigenda ewaabayo
mu nsi yaayo, e Besusemesi, olwo nga MUKAMA ye yatuleeseeko ekibonoobono kino ekinene. Naye bwe kitaabe bwe kityo, olwo tunaategeera ng'omukono gwe si gwe gutubaddeko, kyatutuukako butuusi."
10 Ne bakola bwe batyo. Ne baddira ente bbiri ezaakazaala, ne
baziggyako ennyana zaazo ne bazisiba ku kigaali.
11 Ne bateeka essanduuko ya MUKAMA ku kigaali n'ekisanduuko ekyal-
imu emmese eza zaabu n'ebibumbe eby'ebizimba okugiriraana.
12 Ente ne zigenda butereevu mu kkubo erigenda e Besusemesi, nga
zigenda zikaaba, ne zitakyama ku mukono ogwa ddyo newaakubadde ogwa kkono. Abakulembeze b'Abafirisuuti ne bazigoberera okutuukira ddala ku nsalo ey'e Besusemesi.
13 Ebiro ebyo byali bya makungula era Ababesusemesi baali bakungula
eŋŋaano yaabwe mu kiwonvu. Bwe balengera essanduuko ne basanyuka okugiraba.
14 Ekigaali ne kituukira mu nnimiro ya Yoswa ow'e Besusemesi ne
kiyimirira omwo okumpi n'awali ejjinja eddene. Abantu ne bayasa embaawo ez'ekigaali, ente ne baziwaayo ng'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA.
15 Abaleevi‡ ne batwala essanduuko ya MUKAMA, n'ekisanduuko ekyal-
imu ebibumbe ebya zaabu, ne babiteeka ku jjinja eddene. Awo ku lunaku olwo abantu b'e Besusemesi ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka eri MUKAMA.
16 Abakulembeze abataano ab'Abafirisuuti olwalaba ebyo, ne baddayo
mu Ekuloni ku lunaku olwo.
17 Ebibumbe eby'ebizimba ebya zaabu Abafirisuuti bye baaweereza
ng'ekiweebwayo olw'omusango eri MUKAMA byali: ekimu kya Asudodi, n'ekirala kya Gaza, n'ekirala kya Asukulooni, n'ekirala kya Gaasi, n'ekirala kya Ekuloni;
18 era n'ebibumbe eby'emmese eza zaabu bwe byali, ng'ebibuga byonna
eby'Abafirisuuti ebyali eby'Abakungu abataano, ate nga bibuga ebiriko enkomera n'ebyalo byabyo. Ejjinja eddene kwe baateeka essanduuko

* 6:4 Ebibumbe ebyo byali bya kusanyusa balubaale † 6:6 Katonda ye yabamala amaanyi ‡ 6:15 Besusemesi kyali kibuga ky'Abaleevi (Yos 21:16). Abaleevi bokka be baali bakkirizibwa okutambuza Essanduuko ya MUKAMA (Ma 10:8)

ya MUKAMA mu nnimiro ya Yoswa ow'e Besusemesi, ne libeera kijjukizo n'okutuusa leero.
19 Naye nsanvu ku basajja ab'e Besusemesi ne bafa kubanga balingiza mu ssanduuko ya MUKAMA. Abantu ne banakuwala nnyo olw'ekibonerezo ekinene MUKAMA kye yabawa,
20 era abantu b'e Besusemesi ne beebuuza nti, "Ani ayinza okuyimirira mu maaso ga MUKAMA, Katonda ono omutukuvu? Essanduuko ya MUKAMA tugiweereze ani?"
21 Ne batuma ababaka eri abatuuze b'e Kiriyasuyalimu n'obubaka nti, "Abafirisuuti bakomezzaawo essanduuko ya MUKAMA. Muserengete, mujje mugiddukire mugitwale ewammwe."

# 7

1 Awo abantu b'e Kiriyasuyalimu ne bajja ne baddukira essanduuko ya MUKAMA, ne bagitwala mu nnyumba ya Abinadaabu ku lusozi. Ne bayawula Eriyazaali mutabani we okuvunaanyizibwa essanduuko ya MUKAMA*.

*Abafirisuuti Bawangulwa e Mizupa*

2 Essanduuko n'emala mu Kiriyasuyalimu ebbanga ddene, eryawerera ddala emyaka amakumi abiri, era abantu b'ennyumba ya Isirayiri bonna baali banakuwavu era nga banoonya MUKAMA.
3 Awo Samwiri n'agamba ennyumba ya Isirayiri yonna nti, "Obanga mudda eri MUKAMA n'omutima gumu, muggyeewo bakatonda abagwira ne Baasutoleesi, mmweweeyo eri MUKAMA gwe muba muweerezanga yekka, era anaabalokola okuva mu mukono gw'Abafirisuuti."
4 Awo Abayisirayiri ne bava ku Babaali ne Baasutoleesi, ne baweerezanga MUKAMA yekka.
5 Samwiri n'ayogera nti, "Mukuŋŋaanye Isirayiri yenna e Mizupa, mbegayiririre eri MUKAMA."
6 Bwe baali bakuŋŋaanidde e Mizupa, ne basena amazzi, ne bagayirira mu maaso ga MUKAMA, ne basiiba era ne baatula ebibi byabwe nga boogera nti, "Twonoonye eri MUKAMA." Olwo Samwiri nga ye mukulembeze era omulamuzi wa Isirayiri e Mizupa.
7 Awo Abafirisuuti bwe baawulira nga Abayisirayiri bakuŋŋaanidde e Mizupa, abafuzi b'Abafirisuuti ne babalumba. Abayisirayiri bwe baakiwulira ne batya Abafirisuuti.
8 Ne bagamba Samwiri nti, "Tolekeraawo kutukaabiririra eri MUKAMA Katonda waffe, atulokole okuva mu mukono gw'Abafirisuuti."
9 Awo Samwiri n'addira omwana gw'endiga oguyonka n'aguwaayo ng'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA, n'akaabirira MUKAMA ku lwa Isirayiri, MUKAMA n'amuddamu.
10 Ku lunaku olwo Samwiri bwe yali ng'awaayo ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA, Abafirisuuti ne basembera okulwanyisa Isirayiri, naye MUKAMA n'abwatuka okubwatuka okw'amaanyi, Abafirisuuti ne batya nnyo, era ne badduka Abayisirayiri.
11 Abasajja Abayisirayiri ne bava e Mizupa ne bagoba Abafirisuuti, ne bagenda nga babatta okutuukira ddala ku Besukali.

* **7:1** Essanduuko ya MUKAMA yasigalayo okutuusa Dawudi lwe yagizzaayo e Yerusaalemi (2Sa 6:2-3)

12 Awo Samwiri n'addira ejjinja n'aliteeka wakati wa Mizupa ne Seni,
ekifo ekyo n'akituuma Ebenezeri[†], ng'agamba nti, "MUKAMA atuyambye
okutuusa kaakano."
13 Abafirisuuti ne bawangulwa, ne bataddayo nate kulumba Isirayiri.
Era ennaku zonna eza Samwiri, omukono gwa MUKAMA ne gunyigiriza
Abafirisuuti.
14 Abayisirayiri ne beddiza ebibuga byonna Abafirisuuti bye baali
babawambyeko okuva mu Ekulooni okutuuka e Gaasi, ate era Isir-
ayiri n'anunula ebitundu ebyali biriraanyeewo okuva mu buyinza
bw'Abafirisuuti. Ne waba okutabagana wakati wa Isirayiri n'Abamoli[‡].
15 Samwiri n'alamula era n'afuga Isirayiri ennaku zonna ez'obulamu
bwe.
16 Buli mwaka n'agendanga e Beseri, n'e Girugaali n'e Mizupa[§] mu
mpalo ng'alamula Isirayiri mu bifo ebyo byonna.
17 N'oluvannyuma yakomangawo e Laama, amaka ge gye gaabeeranga,
nayo n'alamulirayo Isirayiri. N'azimbirayo MUKAMA ekyoto.

# 8

*Abayisirayiri Basaba Kabaka*

1 Samwiri bwe yakaddiwa, n'alonda batabani be okuba abalamuzi ba
Isirayiri.
2 Erinnya lya mutabani we omukulu ye yali Yoweeri, n'owokubiri nga
ye Abiya, ne balamulanga mu Beeruseba.
3 Naye batabani be ne batagoberera mpisa ze, ne bakyama ne banoonya
amagoba, ne balya enguzi, era nga tebalamula mu bwenkanya.
4 Awo abakadde bonna aba Isirayiri ne bakuŋŋaana ne bajja eri Samwiri
e Laama,
5 ne bamugamba nti, "Laba, okaddiye ne batabani bo tebagoberera
mpisa zo, kaakano tulondere kabaka anaatukulemberanga, tubeere
ng'amawanga amalala gonna."
6 Naye bwe baayogera nti, "Tuwe kabaka anaatukulemberanga," ne
kitasanyusa Samwiri. Samwiri n'asaba eri MUKAMA.
7 Awo MUKAMA n'agamba Samwiri nti, "Wuliriza ebigambo byonna
abantu bye bakugamba. Tebajeemedde ggwe, naye bajeemedde nze
nneme kuba kabaka waabwe.
8 Okusinziira ku bikolwa byabwe okuva ku lunaku lwe nabaggya mu
Misiri okutuusa ku lunaku lwa leero, bwe banjeemera, ne baweereza
bakatonda abalala, nawe bwe batyo bwe bakuyisa.
9 Kaakano bawulirize, naye obalabulire ddala, era obategeeze ebintu
byonna kabaka anaabafuga by'alibakola."
10 Awo Samwiri n'ategeeza abantu abaali bamusaba kabaka, ebigambo
byonna MUKAMA bye yamugamba.
11 N'abagamba nti, "Bino bye bintu kabaka alibafuga by'alibakola: alit-
wala batabani bammwe n'abafuula abagoba ab'amagaali ge n'abeebagazi
ab'embalaasi ze, n'abamu okuddukiranga mu maaso ag'amagaali ge.
12 Abamu ku bo alibafuula abaduumizi b'enkumi, n'abalala
n'abafuula abaduumizi b'ataano, n'abalala okumulimiranga ennimiro

† **7:12** Ebenezeri kitegeeza ejjinja ery'obuyambi ‡ **7:14** Erinnya Abamoli likozesebwa okutegeeza Abakanani bonna § **7:16** Beseri, ne Girugaali ne Mizupa bye bibuga ebisatu mu ssaza lya Benyamini ebifo awaasinzizibwanga (laba Yos 4:19)

ze n'okuzikungulanga, n'abalala okuweesanga ebyokulwanyisa n'ebintu eby'amagaali ge.
13 Alitwala bawala bammwe, okumuteekerateekera ebyakaloosa, n'okumufumbiranga, n'okumukoleranga emigaati.
14 Alitwala ennimiro zammwe ennungi, n'ennimiro zammwe ez'emizabbibu n'ez'emizeeyituuni, n'aziwa abaweereza be.
15 Alitwala ekimu eky'ekkumi eky'emmere yammwe ey'empeke, n'eky'ennimiro zammwe ez'emizabbibu, n'akigabira abakungu be n'abaweereza be.
16 Alitwala abaweereza bammwe abasajja n'abaweereza bammwe abakazi, n'abavubuka bammwe abasinga obulungi n'endogoyi, n'abyeddiza.
17 Alitwala ekimu eky'ekkumi ku bisibo byammwe, mmwe n'abafuula abaweereza be.
18 Luliba lumu, mulyekkokkola kabaka wammwe gwe mwerondera, naye MUKAMA talibafaako ku lunaku olwo."
19 Naye abantu ne bagaana okuwuliriza Samwiri, ne boogera nti, "Nedda! Twagala kabaka okutufuga,
20 naffe tubeere ng'amawanga amalala gonna, nga tulina kabaka atufuga ayinza okutukulembera n'atulwanira entalo zaffe."
21 Awo Samwiri bwe yawulira ebigambo byonna eby'abantu, n'abiddiramu MUKAMA.
22 MUKAMA n'addamu Samwiri nti, "Bawulirize obalondere kabaka."
Awo Samwiri n'agamba abantu ba Isirayiri nti, "Buli omu ku mmwe addeyo ewuwe."

# 9

### *Samwiri Afuka ku Sawulo Amafuta*

1 Waaliwo omusajja Omubenyamini eyali omututumufu erinnya lye Kiisi, mutabani wa Abiyeeri, mutabani wa Zeroli, mutabani wa Bekolaasi, mutabani wa Afiya, Omubenyamini.
2 Yalina mutabani we erinnya lye Sawulo, nga mulenzi alabika bulungi, era nga tewali amwenkana obulungi mu bantu ba Isirayiri, nga muwanvu okusinga abantu bonna.
3 Endogoyi za Kiisi, kitaawe wa Sawulo zaali zibuze. Kiisi n'agamba mutabani we Sawulo nti, "Twala omu ku baweereza, mugende munoonye endogoyi."
4 Ne bayitira mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu ne mu nsi ya Salisa, naye ne bataziraba. Ne bayita ne mu nsi ya Saalimu naye ne bataziraba. Ne bayita ne mu nsi ye Benyamini, naye ne zibabula.
5 Awo bwe baatuuka mu nsi ya Zufu, Sawulo n'agamba omuweereza eyali naye nti, "Jjangu tuddeyo, sikuba nga kitange ava ku b'endogoyi, n'atandika okweraliikirira ffe."
6 Naye omuweereza n'amuddamu nti, "Laba, mu kibuga muno mulimu omusajja wa Katonda, era assibwamu nnyo ekitiibwa, na buli ky'ayogera kituukirira. Tugendeyo, oboolyawo anaayinza okututegeeza ekkubo lye tuba tukwata."
7 Sawulo n'agamba omuweereza we nti, "Naye bwe tugendayo, omusajja tunaamutwalira ki? Emmere eweddemu mu nsawo zaffe, ate tewali na kirabo kya kutwalira musajja wa Katonda. Tulinawo ki?"

8 Omuweereza n'addamu Sawulo nti, "Laba, wano nninawo gulaamu
ssatu eza ffeeza, era ze nzija okuwa omusajja wa Katonda atutegeeze
ekkubo lye tuba tukwata."
9 (Edda mu Isirayiri, omuntu bwe yagendanga okwebuuza ku Katonda,
yayogeranga nti, "Jjangu tugende ew'omulabi;" kubanga ayitibwa nnabbi
mu nnaku zino, edda ye yayitibwanga omulabi).
10 Sawulo n'amuddamu nti, "Oteesezza bulungi, jjangu tugende." Ne
basitula okugenda mu kibuga omusajja wa Katonda gye yali.
11 Awo bwe baali nga balinnyalinnya akasozi okugenda mu kibuga ne
basisinkana abawala abaali bagenda okusena amazzi, ne bababuuza nti,
"Omulabi gy'ali?"
12 Ne babaddamu nti, "Gy'ali. Ali mu maaso awo. Mwanguweeko,
yaakatuuka kati mu kibuga, kubanga leero abantu balina ssaddaaka
ey'okuweerayo mu kifo ekigulumivu.
13 Bwe munaaba nga mwakayingira mu kibuga, mujja kumusisinkana
nga tannayambuka kuliira* mu kifo ekigulumivu. Abantu tebajja
kulya nga tannatuuka, kubanga alina okusabira ssaddaaka omukisa
n'oluvannyuma abayitiddwa balyoke balye. Kaakano mwanguwe mu-
gende, mujja kumusisinkana."
14 Awo ne bayambuka okugenda mu kibuga. Bwe baali bakiyingira ne
balaba Samwiri ng'ajja gye bali, ng'ayolekedde ekifo ekigulumivu.
15 Kyokka bwe waali wakyabulayo olunaku lumu Sawulo ajje, MUKAMA
yali abikkulidde Samwiri ekigambo ng'agamba nti,
16 "Enkya ku ssaawa nga zino nzija kukusindikira omusajja okuva
mu nsi ya Benyamini. Mufukeeko amafuta okuba omukulembeze
w'abantu bange, Isirayiri; oyo y'alirokola abantu bange okuva mu mukono
gw'Abafirisuuti. Ntunuulidde abantu bange; okukaaba kwabwe kutuuse
gye ndi."
17 Awo Samwiri olwalengera Sawulo, MUKAMA n'amugamba nti,
"Omusajja gwe nakutegeezezzaako wuuyo. Oyo y'ajja okufuga abantu
bange."
18 Sawulo n'asemberera Samwiri mu mulyango, n'amubuuza nti, "Ssebo
oyinza okundagirira ennyumba y'omulabi w'eri?"
19 Samwiri n'amuddamu nti, "Nze mulabi, nkulemberaamu nga
twambuka mu kifo ekigulumivu, kubanga leero onooliira wamu nange,
enkya ku makya nzija kukuleka ogende era nzija kukubuulira ebyo byonna
ebiri ku mutima gwo.
20 Naye ebifa ku ndogoyi zo ezimaze ennaku essatu nga zibuze,
tobyeraliikirira, kubanga zaazuuliddwa. Okwegomba kwa Isirayiri yonna
kunaaba kw'ani, bwe kutaabe ku ggwe n'ennyumba ya kitaawo yonna?"
21 Sawulo n'addamu nti, "Nze ndi Mubenyamini, era nva mu kika
ekisingirayo ddala obutono, ate nga n'ennyumba yaffe y'esingira ddala
okuba eya wansi mu nnyumba zonna ez'ekika kya Benyamini. Lwaki
oyogera nange ebigambo ebifaanana ng'ebyo?"
22 Awo Samwiri n'atwala Sawulo n'omuweereza we mu kisenge ekinene,
n'abatuuza mu bifo eby'oku mwanjo mu maaso g'abo bonna abaayitibwa
abaali bawera ng'amakumi asatu.
23 Samwiri n'agamba omufumbi nti, "Leeta ekifi ky'ennyama, kye
nakuteresezza, kye nakugambye oteeke wabbali."

* **9:13** Ebijjulo byabeerangawo oluvannyuma lw'emikolo egimu egy'okuwaayo ssaddaaka

24 Awo omufumbi n’addira ekisambi, n’ebyakiriko n’akiteeka mu maaso
ga Sawulo. Samwiri n’ayogera nti, “Laba kino kye kyakuterekeddwa.
Kirye kubanga kyakuterekeddwa okutuusa ekiseera kino olw’omukolo
guno, okuva ku kiseera kiri, bwe nagamba nti, ‘Nnina abagenyi abayite.’ ”
Awo Sawulo n’aliira wamu ne Samwiri ku lunaku olwo.
25 Bwe baava mu kifo ekigulumivu ne baserengeta mu kibuga, Samwiri
n’atwala Sawulo waggulu ku nnyumba ye ne banyumyamu.
26 Awo enkeera Samwiri n’agolokoka mu makya n’akoowoola Sawulo
nti, “Golokoka nkusibule odde ku lugendo lwo.” Sawulo ne yeteekateeka,
ye ne Samwiri ne baserengeta okugenda mu kibuga.
27 Bwe baali baserengeta nga banaatera okutuuka ekibuga we kikoma,
Samwiri n’agamba Sawulo nti, “Gamba omuweereza wo ayitewo,
atukulemberemu, gwe osigaleko wano, nkutegeeze obubaka obuva eri
Katonda.”

# 10

1 Awo Samwiri n’addira eccupa ey’amafuta n’agifuka ku mutwe gwa
Sawulo, n’amunywegera ng’agamba nti, “MUKAMA akufuseeko amafuta
okufuga abantu be, Isirayiri.
2 Bw’onoova wano leero, onoosisinkana abasajja babiri okumpi
n’amalaalo ga Laakeeri, e Zereza ku nsalo ya Benyamini, banaakugamba
nti, ‘Endogoyi ze wagenda okunoonya zaalabise. Kitaawo kaakano
takyalowooza ku ndogoyi, naye, yeeraliikirira ggwe, nga yeebuuza nti,
“Ebya mutabani wange mbikole ntya?” ’
3 “Bw’onoova awo, ne weeyongerayo okutuuka ku mwera gwa Taboli,
onoosisinkana abasajja basatu abanaaba bagenda okusisinkana Katonda
e Beseri, omu nga yeetisse obubuzi busatu, omulala nga yeetisse emigaati
esatu, n’omulala ng’asitudde eccupa y’envinnyo.
4 Banaakulamusa ne bakuwa emigaati ebiri, era gikkirize.
5 “Bw’onoova eyo ogenda ku Lusozi lwa Katonda oluliko ekigo
eky’Abafirisuuti. Bw’onooba onootera okutuuka ku kibuga, onoosisinkana
ekibiina kya bannabbi nga baserengeta okuva mu kifo ekigulumivu nga
bakulembeddwamu abakuba entongooli, n’ebitaasa, n’endere, n’ennanga,
era nga bawa obunnabbi.
6 Omwoyo wa MUKAMA anakukkako mu maanyi, n’owa obunnabbi
wamu nabo, era onookyusibwa n’ofuuka omuntu omuggya.
7 Obubonero obwo bwe bunaatuukirira, kola kyonna ky’onoolaba nga
kituufu, kubanga Katonda ali wamu naawe.
8 “Serengeta onsookeyo e Girugaali*. Nnaakugoberera ne nzija
gy’oli okuwaayo ssaddaaka ez’ebiweebwayo ebyokebwa n’ebiweebwayo
olw’emirembe, naye oteekwa okunnindako okumala ennaku musanvu
okutuusa lwe ndijja gy’oli ne nkutegeeza eky’okukola.”

### *Sawulo Afuulibwa Kabaka*

9 Awo Sawulo bwe yava eri Samwiri, Katonda n’amuwa omutima
omuggya, n’obubonero obwo bwonna ne butuukirira ku lunaku olwo.
10 Bwe baatuuka ku lusozi ekibiina kya bannabbi ne kimusisinkana,
Omwoyo wa Katonda n’amukkako mu maanyi era n’atandika okuwa
obunnabbi wamu nabo.

* **10:8** Girugaali kye kifo mu Kanani eyasokerwa okuzimbibwa awasinzibwa (Yos 4:19-24).

11 Abaali baamumanya okuva edda n'edda bwe baamulaba ng'awa obunnabbi wamu ne bannabbi, ne bagambagana nti, "Kiki kino ekituuse ku mutabani wa Kiisi? Sawulo naye ali omu ku bannabbi?"

12 Omu ku batuuze b'ekitundu ekyo n'abuuza nti, "Ye kitaabwe y'ani?" Kyerwava lufuuka olugero nti, "Ne Sawulo ali omu ku bannabbi?"

13 Awo Sawulo bwe yamala okuwa obunnabbi, n'ayambuka mu kifo ekigulumivu.

14 Awo kojja wa Sawulo n'ababuuza ye n'omuweereza nti, "Mubadde wa?" N'addamu nti, "Tubadde tunoonya endogoyi, naye bwe tutaazirabye, ne tugenda eri Samwiri."

15 Kojja wa Sawulo n'amugamba nti, "Mbuulira Samwiri kye yakugambye."

16 Sawulo n'addamu nti, "Yatutegeeza nti endogoyi zaali zirabise." Naye n'atamubuulira Samwiri bye yamugamba ku by'obwakabaka.

17 Samwiri n'ayita abantu ba Isirayiri bakuŋŋaanire eri MUKAMA e Mizupa†.

18 N'abagamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, 'Naggya Isirayiri mu Misiri, ne mbalokola okuva mu mukono gw'Abamisiri, ne mu mukono gw'obwakabaka bwonna obwabajooganga.

19 Naye kaakano mujeemedde Katonda wammwe eyabalokola okuva mu buyinike bwammwe n'ennaku yammwe, ne mwogera nti, Nedda, tuteerewo kabaka atufuge.' Kale mweyanjule mu maaso ga MUKAMA mu bika byammwe ne nnyiriri zammwe nga bwe biri."

20 Awo Samwiri bwe yasembeza ebika byonna ebya Isirayiri okumpi ne we yali, ekika kya Benyamini ne kirondebwa na kalulu‡.

21 N'asembeza ekika kya Benyamini, lunyiriri ku lunyiriri, era olunyiriri lwa Materi ne lulondebwa. N'oluvannyuma Sawulo mutabani wa Kiisi n'alondebwa, naye bwe baamunoonya, nga talabika.

22 Ne beeyongera okwebuuza ku MUKAMA nti, "Omusajja w'ali wano, atuuse?"

Awo MUKAMA n'abaddamu nti, "Ye, yeekwese mu bitereke."

23 Ne badduka ne bagenda ne bamuleeta. Bwe yayimirira mu bantu, n'aba ng'asinga abantu bonna obuwanvu.

24 Samwiri n'agamba abantu bonna nti, "Mulaba omusajja MUKAMA gw'alonze? Tewali amwenkana mu bantu bonna." Abantu ne baddamu n'eddoboozi eddene nti, "Wangaala Kabaka."

25 Samwiri n'annyonnyola abantu ebiragiro n'obulombolombo eby'obwakabaka, n'abiwandiika mu kitabo n'akiteeka mu maaso ga MUKAMA. Awo Samwiri n'asiibula abantu bonna, buli omu n'addayo ewuwe.

26 Sawulo naye n'addayo ewaabwe mu Gibea, ng'awerekerwako abasajja abazira Katonda be yali akomyeko ku mitima.

27 Naye abamu ku basajja ab'effujjo ne boogera nti, "Omusajja ono ayinza atya okutulokola?" Ne bamunyooma, era ne batamuwa na birabo. Naye Sawulo n'akisirikira n'atabanyega.

# 11

*Sawulo Anunula Ekibuga Yabesi*

† **10:17** Mizupa kye kifo abantu gye baasisinkananga okuteesa ku nsonga enkulu (Bal 20:1; 21:1)

‡ **10:20** Akalulu kaakubibwanga okusinziira ku wurimu ne Sumimu

1 Awo olwatuuka Nakkasi Omwamoni* n'ayambuka n'azingiza Yabesu-
gireyaadi. Abasajja bonna ab'e Yabesi ne bamugamba nti, "Kola naffe
endagaano, tunaakuweerezanga."
2 Naye Nakkasi Omwamoni n'abaddamu nti, "Sijja kukola nammwe
ndagaano okuggyako nga munzikirizza okuggya mu buli muntu, eriiso lye
erya ddyo, olwo nswaze Isirayiri yenna."
3 Abakulu ba Yabesi ne bamugamba nti, "Tuweeyo ebbanga lya nnaku
musanvu, tusindike ababaka mu nsi yonna eya Isirayiri. Bwe wataabeewo
n'omu anajja okutubeera, kale tuneewaayo gy'oli."
4 Ababaka bwe baatuuka e Gibea ewa Sawulo, ne bategeeza abantu
ebigambo ebyo; bwe baabiwulira bonna ne bakuba ebiwoobe.
5 Mu kiseera ekyo Sawulo yali ava mu nnimiro ng'agoberera ente ze
ezirima, n'abuuza nti, "Abantu babadde ki? Kiki ekibakaabya?" Ne
bamutegeeza obubaka abasajja ab'e Yabesi bwe baali baleese.
6 Awo Sawulo bwe yawulira ebigambo ebyo, Omwoyo wa Katonda
n'amukkako mu maanyi, obusungu bwe ne bubuubuuka nnyo.
7 N'addira ente bbiri, n'azitemaatema, n'aziwa ababaka ne bazitwala
okubuna ensi yonna eya Isirayiri ng'agamba nti, "Buli ataagoberere
Sawulo ne Samwiri, ente ze ezirima bwe zityo bwe zinaakolebwa." Entiisa
ya Mukama n'egwa ku bantu, ne bakuŋŋaana wamu n'omutima gumu.
8 Sawulo n'ababalira e Bezeki, abasajja abaava mu Isirayiri nga bawera
emitwalo amakumi asatu, n'abaava mu Yuda ne bawera emitwalo esatu.
9 Ne bagamba ababaka abaali bazze nti, "Mutegeeze abasajja ab'e
Yabesugireyaadi nti, 'Obudde we bunaatuukira mu ssaawa ez'omu ttuntu,
munaaba mulokolebbwa.' " Ababaka bwe bazzaayo obubaka obwo e
Yabesi, abatuuze baayo ne bassa ekikkowe.
10 Abatuuze ab'e Yabesi ne bagamba Abamoni nti, "Enkya tujja kwe-
waayo gye muli, mutukole kye mwagala."
11 Enkeera Sawulo yakeera mu matulutulu n'ayawulamu abasajja be
ebibinja bisatu; ne balumba olusiisira lw'Abamoni ne babatta okutuusa
mu ssaawa ez'omu ttuntu. Abaaluwona ne basaasaana, ne wataba n'omu
asigala na munne.

### *Sawulo Akakasibwa Okuba Kabaka*

12 Awo abantu ne bagamba Samwiri nti, "Ani eyali abuuza nti, 'Sawulo
alitufuga?' Mubatuwe tubatte."
13 Naye Sawulo n'addamu nti, "Nedda, tewali muntu anattibwa leero,
kubanga olwa leero Mukama alokodde Isirayiri."
14 Awo Samwiri n'agamba abantu nti, "Mujje, tugende e Girugaali
tukakase obwakabaka."
15 Awo abantu bonna ne bagenda e Girugaali mu maaso ga Mukama
ne bakakasa Sawulo okuba kabaka. Era mu kifo ekyo ne baweerayo
ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga Mukama, Sawulo
n'Abayisirayiri bonna ne basanyuka ne bajaguza nnyo ne bakola n'entujjo
ey'amaanyi.

## 12

### *Ebigambo bya Samwiri ng'Asiibula*

1 Samwiri n'ayogera eri Isirayiri yenna, ng'agamba nti, "Mpulirizza buli
kintu kye muŋŋambye, ne mbateerawo kabaka okubafuga.

---

* **11:1** Abamoni baali bazzukulu ba Lutti (Lub 19:38; Ma 2:19). Baali baagezaako dda okulumba Isirayiri ku mirembe gy'abalamuzi (Bal 3:13; 11:4-33)

2 Kaakano mulina kabaka ng'omukulembeze wammwe. Naye nze nkaddiye, mmeze n'envi, era n'abaana bange bali wano nammwe. Mbadde mukulembeze wammwe okuva mu buvubuka bwange n'okutuusa leero.

3 Nzuuno mu maaso gammwe. Munnumirize ensonga yonna mu maaso ga MUKAMA ne mu maaso g'oyo gwe yafukako amafuta. Ani gwe nnali ntwalidde ente ye? Oba ani gwe nnali ntwalidde endogoyi ye? Oba ani gwe nnali ndyazaamaanyizza? Oba ani gwe nnali njooze? Oba ani gwe nnali nsabye enguzi? Bwe wabaawo anvunaana mu nsonga yonna nzija kumuliyira."

4 Ne baddamu nti, "Totunyagangako newaakubadde okutujooga, wadde okulya enguzi okuva mu mukono gw'omuntu yenna."

5 Awo Samwiri n'abaddamu nti, "MUKAMA ye mujulirwa gye muli, era n'oyo gwe yafukako amafuta mujulirwa leero, nga sirina nsobi yonna mu maaso gammwe." Ne baddamu nti, "Mujulirwa."

6 Samwiri n'agamba abantu nti, "MUKAMA ye yalonda Musa ne Alooni era n'aggya bajjajjammwe mu Misiri.

7 Kale nno, musseeyo omwoyo mutege amatu mu maaso ga MUKAMA, eri okubalamula era n'okubajjukiza ebikolwa eby'obutuukirivu MUKAMA bye yabakolera mmwe ne bajjajjammwe.

8 "Yakobo bwe yabeera mu Misiri, bajjajjammwe ne bakaabirira MUKAMA; MUKAMA yatuma Musa ne Alooni, abaababaggya mu Misiri, n'abateeka mu kifo kino.

9 "Naye ne beerabira MUKAMA Katonda waabwe, kyeyava abatunda mu mukono gwa Sisera omuduumizi w'eggye lya Kazoli, ne mu mukono gw'Abafirisuuti, ne mu mukono gwa kabaka wa Mowaabu, abaabalwanyisanga.

10 Abayisirayiri ne bakaabirira MUKAMA, nga boogera nti, 'Twasobya, twava ku MUKAMA ne tuweereza Babaali ne Baasutoleesi. Naye kaakano tulokole okuva mu mukono gw'abalabe baffe, tunaakuweerezanga.'

11 MUKAMA n'alyoka atuma Yerubbaali*, ne Bedani, ne Yefusa ne Samwiri ne babalokola mu mukono gw'abalabe bammwe enjuuyi zonna, ne mutuula mirembe.

12 Naye bwe mwalaba Nakkasi kabaka w'Abamoni ng'abalumba, newaakubadde nga MUKAMA Katonda wammwe ye yali kabaka wammwe ne muŋŋamba nti, 'Nedda, ffe twagala kabaka okutufuga.'

13 Kaakano kabaka gwe mulonze era gwe mwasaba wuuno, era laba MUKAMA ataddewo kabaka okubafuga.

14 Bwe munaatyanga MUKAMA ne mumuweerezanga, ne mugonderanga eddoboozi lye, ne mutajeemera biragiro bye, mmwe ne kabaka abafuga ne mugobereranga MUKAMA Katonda wammwe, kinaabanga kirungi.

15 Naye bwe mutaagonderenga MUKAMA, ne mujeemera ebiragiro bye, omukono gwe gunaalwananga nammwe, nga bwe kyali ku bajjajjammwe.

16 "Kale nno mulindirire mulabe ekintu ekikulu MUKAMA kyagenda okukola mu maaso gammwe.

17 Bino kaakano si biseera bya kukungula ŋŋaano. Naye nzija kusaba MUKAMA, aweereze okubwatuka n'enkuba, mulyoke mutegeere nga kye mwakola okusaba kabaka kyali kibi mu maaso ga MUKAMA."

18 Awo Samwiri n'asaba MUKAMA, MUKAMA n'aweereza okubwatuka n'enkuba, abantu bonna ne batya nnyo MUKAMA ne Samwiri.

* **12:11** Yerubbaali ye Gidyoni

19 Awo abantu bonna ne bagamba Samwiri nti, “Tusabire eri MUKAMA
Katonda wo, ffe abaweereza bo, tuleme kufa, kubanga twongedde ku bibi
byaffe ebirala byonna, bwe twasabye kabaka.”
20 Samwiri n’addamu abantu nti, “Temutya, okukola mwakola ebibi
ebyo byonna, naye temuvanga ku MUKAMA, kaakano mumuweerezenga
n’omutima gwammwe gwonna.
21 Temukyukanga okugoberera ebintu ebitaliimu, ebitayinza kubagasa
wadde okubawonya, kubanga tebiriimu nsa.
22 MUKAMA tagenda kwabulira bantu be, olw’erinnya lye ekkulu,
kubanga MUKAMA yasiima okubafuula ababe.
23 Nze ku lwange, kikafuuwe, okwonoona eri MUKAMA ne ssibasabira;
nnaabalaganga ekkubo ettuufu era eggolokofu.
24 Kyokka mutyenga MUKAMA era mumuweerezenga n’obwesigwa
n’omutima gwammwe gwonna, nga mujjukira ebintu ebikulu bye yabakol-
era.
25 Naye bwe muneeyongeranga okukola ebibi, mmwe ne kabaka
wammwe mulizikirizibwa.”

# 13

*Samwiri Anenya Sawulo*

1 Sawulo yalina emyaka amakumi asatu we yaliira obwakabaka, n’afuga
Isirayiri okumala emyaka amakumi ana.
2 Sawulo yalonda abasajja enkumi ssatu okuva mu Isirayiri, enkumi
ebbiri ku bo ne babeera naye e Mikumasi ku lusozi olw’e Beseri, n’abalala
lukumi ne babeera ne Yonasaani e Gibea ekya Benyamini. Abasajja abalala
bonna n’abasindika baddeyo ewaabwe.
3 Yonasaani n’alumba olusiisira lw’Abafirisuuti eyali e Geba, Abafirisuuti
ne bakiwulira. Awo Sawulo n’alagira, bafuuwe ekkondeere mu nsi yonna,
ng’agamba nti, “Abaebbulaniya bawulire!”
4 Awo Isirayiri yenna bwe baawulira nga Sawulo awambye olusi-
isira lw’Abafirisuuti, ate nga Isirayiri yali efuuse ekyenyinyalwa eri
Abafirisuuti, abantu ne balagirwa okwegatta ku Sawulo e Girugaali.
5 Abafirisuuti ne beekuŋŋaanya okulwana n’Abayisirayiri. Abafirisuuti
baalina amagaali emitwalo esatu, n’abeebagala embalaasi kakaaga,
n’abaserikale abeebigere ng’omuwendo gwabwe gwenkana ng’omusenyu
ogw’oku nnyanja obungi. Ne bayambuka ne basiisira e Mikumasi, ku luuyi
olw’ebuvanjuba olw’e Besaveni.
6 Abasajja Abayisirayiri bwe baalaba ng’embeera yaabwe mbi nnyo,
n’eggye lyabwe nga linnyigirizibwa omulabe, ne beekweka mu mpuku,
ne mu bisaka ne mu njazi, ne mu binnya.
7 Ne wabaawo n’abamu ku Baebbulaniya abaasomoka Yoludaani ne
bagenda mu nsi ya Gaadi ne Gireyaadi.
Sawulo ye n’asigala e Girugaali, n’abaserikale bonna be yali nabo, naye
nga bajjudde okutya.
8 N’alinda okumala ennaku musanvu, ebbanga Samwiri lye yali amu-
laze, naye Samwiri n’atajjirawo e Girugaali, n’abasajja ba Sawulo ne
batandika okumuvaako.
9 Sawulo kyeyava ayogera nti, “Mundeetere wano ekiweebwayo
ekyokebwa n’ekiweebwayo olw’emirembe.” N’awaayo ekiweebwayo
ekyokebwa.

10 Naye bwe yali yakamala okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa,
Samwiri n'atuuka. Sawulo n'agenda okumwaniriza.
11 Samwiri n'amubuuza nti, "Kiki kino ky'okoze?" Sawulo n'addamu
nti, "Bwe nnalabye ng'abasajja batandise okusaasaana, ate nga tozze mu
kiseera kye walaga, ate nga n'Abafirisuuti bakuŋŋaanira e Mikumasi,
12 ne ndowooza nti, 'Kaakano Abafirisuuti bagenda kukkirira okun-
numba e Girugaali, nga sinnaba kwegayirira kufuna mukisa gwa Mukama,
kyenvudde mpalirizibwa okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa.' "
13 Samwiri n'agamba Sawulo nti, "Okoze kya busirusiru, obutakuuma
kiragiro kya Mukama Katonda wo kye yakulagira. Singa wakikuumye,
Mukama yandinywezezza obwakabaka bwo okufuga Isirayiri emirembe
gyonna.
14 Naye kaakano obwakabaka bwo tebuliba bwa lubeerera. Mukama
anoonyezzaayo omusajja alina omutima ogumunoonya era amulonze
okuba omukulembeze w'abantu be, kubanga tokuumye kiragiro kya
Mukama."
15 Awo Samwiri n'ava e Girugaali n'ayambuka e Gibea mu Benyamini,
Sawulo n'abala abasajja abaali naye, nga baawera nga lukaaga.

*Ebbula ly'Ebyokulwanyisa mu Isirayiri*

16 Sawulo ne mutabani we Yonasaani, n'abasajja abaali nabo baali
basiisidde e Gebea ekya Benyamini, ate ng'Abafirisuuti bo basiisidde
Mikumasi.
17 Abalabe ne bava mu nkambi y'Abafirisuuti mu bibinja bisatu, ekimu
ne kyolekera Yofula, mu nsi ya Suwaali,
18 n'ekibinja ekirala ne kyolekera Besukolooni, n'ekyokusatu ne kyolek-
era ensalo etunuulidde ekiwonvu Zeboyimu okwolekera eddungu.
19 Mu nsi yonna eya Isirayiri temwali muweesi n'omu, kubanga
Abafirisuuti baali baasalawo nti, "Si kulwa ng'Abaebbulaniya beeweeseza
ebitala oba amafumu!"
20 Noolwekyo Abayisirayiri bonna baaserengetanga eri Abafirisuuti,
okuwagala enkumbi zaabwe, n'ebiwabyo byabwe, n'embazzi zaabwe, ne
najjolo zaabwe.
21 Baalinanga omuwendo gwe baasasulanga olw'okuwagala enkumbi
ey'amannyo abiri n'ebiwabyo, nga gwa njawulo ku ogwo gwe baawangayo
olw'okuwagala embazzi n'emiwunda.
22 Era ku lunaku olw'olutalo tewaali muserikale n'omu ku baali ne
Sawulo ne Yonasaani, eyalina ekitala wadde effumu, okuggyako Sawulo
ne mutabani we Yonasaani*.
23 Waaliwo ekibinja eky'Abafirisuuti ekyali kigenze mu kifo ekyayitib-
wanga Mikumasi.

# 14

*Yonasaani Alumba Abafirisuuti*

1 Lumu Yonasaani mutabani wa Sawulo n'agamba omuvubuka eyasitu-
langa ebyokulwanyisa bye nti, "Jjangu tugende ku ludda luli mu nkambi
ey'Abafirisuuti." Kyokka n'atabuulira kitaawe.
2 Sawulo yali asiisidde ku njegoyego za Gibea wansi
w'omukomamawanga mu Migulooni. Yalina abaserikale nga lukaaga;

* **13:22** Abayisirayiri baalwanyisanga mitego na busaale

3 ku bo kwe kwali Akiya eyali ayambadde ekkanzu ey'obwakabona* nga
ye mutabani wa Akitubu, muganda wa Ikabodi, mutabani wa Finekaasi,
mutabani wa Eri, kabona wa MUKAMA mu Siiro. Tewali yamanya nti
Yonasaani agenze.
4 Ku buli ludda lw'ekkubo Yonasaani mwe yali ayagala okuyita okutuuka
ku nkambi y'Abafirisuuti waaliyo enkonko empanvu, olumu nga luyitibwa
Bozezi, n'olulala nga luyitibwa Sene.
5 Olukonko olumu lwali ku luuyi olw'obukiikakkono okwolekera Miku-
masi, n'olulala nga luli ku luuyi olw'obukiikaddyo okwolekera Geba.
6 Yonasaani n'agamba omuvubuka eyasitulanga ebyokulwanyisa bye nti,
Jjangu tugende mu nkambi y'abasajja abo abatali bakomole, oboolyawo
MUKAMA anaatukolera ekyamagero. Kubanga tewali kiyinza kuziyiza
MUKAMA kulokola, ng'akozesa abangi oba abatono.
7 Omuvubuka n'amuddamu nti, "Kola nga bw'osiima. Genda mu
maaso, nzisa kimu naawe, omutima gwange n'omwoyo gwange biri wamu
naawe."
8 Yonasaani n'alyoka ayogera nti, "Kale, tusomoke tugende eri abasajja,
tubeerage.
9 Bwe banaatugamba nti, 'Mutulindirire okutuusa lwe tunajja,' kale
tunaasigala we tuli, ne tutagenda gye bali.
10 Naye bwe banaatugamba nti, 'Mujje gye tuli,' tunaayambuka, kubanga
ako ke kanaaba akabonero gye tuli nti MUKAMA abagabudde mu mukono
gwaffe."
11 Awo bombi ne beeraga eri olusiisira lw'Abafirisuuti. Abafirisuuti ne
boogera nti, "Mulabe, Abaebbulaniya batandise okuva mu binnya mwe
baali beekwese."
12 Abasajja ab'omu nkambi ne bakoowoola Yonasaani n'omuvubuka
eyasitulanga ebyokulwanyisa bye nga boogera nti, "Mwambuke gye tuli,
tubalage enkola."
Awo Yonasaani n'agamba omuvubuka eyasitulanga ebyokulwanyisa bye
nti, "Ngoberera twambuke kubanga MUKAMA abawaddeyo mu mukono
gwa Isirayiri."
13 Yonasaani n'alinnyalinnya, ng'ayavula nga n'omuvubuka eya-
situlanga ebyokulwanyisa bye bw'amuvaako emabega. Yonasaani
n'atta Abafirisuuti, n'omuvubuka eyasitulanga ebyokulwanyisa bye
ng'amuvaako emabega naye n'atta abo abaali bawonyeewo.
14 Mu lulumba olwo olwasooka, Yonasaani n'omuvubuka eyasitu-
langa ebyokulwanyisa bye, batta abasajja amakumi abiri mu kibangirizi
ekyenkana ekitundu kya eka.

### *Isirayiri Atta Abafirisuuti bangi*

15 Awo ne waba okutya kungi nnyo mu ggye lyonna ery'Abafirisuuti
abo abaali mu nkambi n'abaali ku ttale; era n'ab'omu bibinja ebirala
n'ebibondo ebirumba n'ettaka ne likankana. Okukankana okwo kwava
eri Katonda.
16 Abakuumi ba Sawulo abaali e Gibea mu Benyamini ne balaba
ng'ekibinja kisaasaana okuddukira mu njuyi zonna.
17 Awo Sawulo n'alagira abasajja abaali naye nti, "Mubale abasajja
bonna, mulabe ataliiwo." Bwe baabala, ne bazuula nga Yonasaani
n'eyasitulanga ebyokulyanyisa bye tebaliiwo.

* **14:3** Ekkanzu ey'Obwakabona (Efodi) yalingamu Wurimu ne Sumimu ebyakozesebwanga okwebuuza ku Katonda

18 Sawulo n'agamba Akiya nti, "Leeta essanduuko ya Katonda," kubanga mu biro ebyo yali mu mikono gy'Abayisirayiri.

19 Awo Sawulo bwe yali ng'akyayogera ne kabona, akeegugungo ne keeyongera mu nkambi y'Abafirisuuti, n'agamba kabona nti, "Zaayo omukono gwo, ogira olindako."

20 Awo Sawulo n'abasajja be ne beekuŋŋaanya ne bagenda mu lutalo, ne basanga ng'Abafirisuuti balwanagana bokka ne bokka, nga bafumitagana ebitala.

21 Abaebbulaniya abaabeeranga n'Abafirisuuti, abaali bagenze nabo mu nkambi, ne beegatta ku Bayisirayiri abaali ne Sawulo ne Yonasaani.

22 Awo Abayisirayiri bonna abaali beekwese mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu bwe baawulira ng'Abafirisuuti badduse, amangwago nabo ne beenyigira mu lutalo ne bannaabwe.

23 MUKAMA n'alokola Isirayiri ku lunaku olwo, olutalo ne lutuukira ddala e Besaveni.

### *Yonasaani Alya Omubisi gw'Enjuki*

24 Ku lunaku olwo abasajja Abayisirayiri baali bajjudde ennaku nnyingi nnyo kubanga Sawulo yali abalayizza ng'agamba nti, "Akolimirwe oyo yenna anaalya akantu konna ng'obudde tebunnawungeera, nga sinnaba kwesasuza ku balabe bange." Awo ne wataba n'omu ku baserikale akomba ku kantu.

25 Awo abantu bonna bwe baatuuka mu kibira ne balaba omubisi gw'enjuki ku ttaka.

26 Bwe beeyongerayo munda mu kibira ne basanga nga gutonnya, naye ne wataba n'omu agukombako kubanga baali batya ekirayiro kye baakola.

27 Naye Yonasaani yali tawulidde nga kitaawe alayiza abantu, kyeyava addira omuggo gwe yalina n'annyika omusa gwagwo mu bisenge by'enjuki, n'agukombako, amaaso ge ne ganyirira n'addamu amaanyi.

28 Awo omu ku baserikale n'amugamba nti, "Kitaawo yatukuutidde n'atulayiza nti, 'Omuntu yenna anaalya ku mmere leero akolimirwe.' Era ekyo kye kireetedde abaserikale okuggwaamu amaanyi."

29 Yonasaani n'ayogera nti, "Kitange aleetedde ensi yaffe emitawaana. Laba amaaso gange bwe ganyirira n'amaanyi gange bwe gakomyewo bwe nkombyeko ku mubisi guno ogw'enjuki.

30 Tekyandisinze nnyo leero singa abasajja baalidde ku munyago gw'abalabe baabwe? Era tebandisse Abafirisuuti abasinga awo obungi?"

31 Abayisirayiri we baamalira okutta Abafirisuuti okuva e Mikumasi okutuuka e Ayalooni nga bakooye nnyo.

32 Ne badda ku munyago, ne baddira endiga n'ente n'ennyana ne bazisalira wansi ku ttaka ne balya ennyama n'omusaayi gwayo.

33 Awo omuntu omu n'ategeeza Sawulo nti, "Abantu basobya ku MUKAMA kubanga balya ennyama erimu omusaayi."

N'ayogera nti, "Musobezza nnyo. Munjiringisirize wano ejjinja eddene kaakano."

34 Sawulo n'agamba nti, "Muyiteeyite mu bantu mubategeeze nti, 'Buli omu ku mmwe aleete ente ye n'endiga ye muzittire wano era mu zirye. Temuddangayo okusobya ku MUKAMA nga mulya ennyama erimu omusaayi.' " Awo buli omu ku bo n'aleeta ente ye ekiro ekyo n'agisalira awo.

35 Sawulo n'azimbira MUKAMA ekyoto, era ekyo kye kyoto kye yasooka okuzimbira MUKAMA.

36 Awo Sawulo n'ayogera nti, "Tuserengete tugoberere Abafirisuuti ekiro
kino tubanyage okutuusa emmambya lw'eneesala, era tuleme okulekawo
wadde omu ku bo nga mulamu." Ne bamuddamu nti, "Kola nga
bw'osiima."

Naye kabona n'ayogera nti, "Twebuuze ku Katonda wano."

37 Awo Sawulo ne yeebuuza ku Katonda ng'agamba nti, "Ŋŋende
nnumbe Abafirisuuti? Onoobagabula mu mukono gwa Isirayiri?" Naye
Katonda n'atamuddamu ku olwo.

38 Sawulo kyeyava ayogera nti, "Mujje wano mmwe mwenna abakulem-
beze b'abantu, tunoonyereze tulabe ekibi ekikoleddwa leero.

39 Nga MUKAMA alokola Isirayiri bw'ali omulamu, ne bwe kinaaba ku
mutabani wange Yonasaani, ateekwa kufa." Naye ne wataba n'omu
amwanukula.

40 Awo Sawulo n'agamba Abayisirayiri bonna nti, "Muyimirire ku ludda
olwo, nze ne mutabani wange Yonasaani tunaayimirira ku ludda luno."
Abantu ne bamuddamu nti, "Kola nga bw'onoosiima."

41 Sawulo n'asaba MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti, "Kiki ekikugaanye
okuddamu omuweereza wo leero? Omusango bwe guba nga guli ku nze
oba ku mutabani wange Yonasaani ddamu ne Wumimu, naye bwe guba
nga guli ku bantu bo Isirayiri, onaddamu ne Sumimu." Awo akalulu ne
kakubibwa era ne kagwa ku Sawulo ne Yonasaani mutabani we.

42 Awo Sawulo n'ayogera nti, "Mutukubire akalulu nze ne mutabani
wange Yonasaani." Yonasaani n'alondebwa.

43 Sawulo n'abuuza Yonasaani nti, "Mbulira ky'okoze." Yonasaani
n'amutegeeza nti, "Nakombyeko katono ku mubisi gw'enjuki nga nkozesa
omusa gw'omuggo gwange. Kaakano ekyo kinsanyiza okufa?"

44 Sawulo n'amuddamu nti, "Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo
bw'otoofe, Yonasaani!"

45 Naye abantu ne bagamba Sawulo nti, "Lwaki, Yonasaani akoze
eby'amagero ebyo byonna mu Isirayiri afa? Ddala Yonasaani attibwe?
Oyo aleetedde Isirayiri obununuzi obw'ekitalo? Nedda tekisoboka! Nga
MUKAMA bw'ali omulamu, tewali luviiri na lumu lunaava ku mutwe gwe
ne lugwa wansi, kubanga ebyo by'akoze leero Katonda y'amuyambye
okubikola." Abantu ne banunula Yonasaani bwe batyo, n'atattibwa.

46 Ne Sawulo n'alekeraawo okugoberera Abafirisuuti, nabo ne beddirayo
mu nsi yaabwe.

47 Awo Sawulo bwe yalya obwakabaka bwa Isirayiri n'alwana n'abalabe
be ku njuyi zonna: Mowaabu, n'Abamoni, ab'e Edomu, ne bakabaka ba
Zoba, n'Abafirisuuti, na buli we yaddanga n'abawangula.

48 N'alwana n'obuzira bungi n'awangula Abamaleki, n'anunula Isirayiri
okuva mu mukono gw'abo abaabanyaganga.

### *Enju ya Sawulo*

49 Batabani ba Sawulo baali Yonasaani, ne Isuvi, ne Malukisuwa.
Amannya ga bawala be ababiri gaali Merabu nga ye mukulu, ate omuto
nga ye Mikali.

50 Omukyala we ye yali Akinoamu muwala wa Akimaazi. Omuduumizi
w'eggye lye omukulu ye yali Abuneeri mutabani wa Neeri, taata wa
Sawulo omuto.

51 Kiisi kitaawe wa Sawulo ne Neeri kitaawe wa Abuneeri baali batabani
ba Abiyeeri.

52 Mu biro byonna ebya Sawulo, waaliwo okulwanagana okw'amaanyi n'Abafirisuuti, era buli Sawulo bwe yalabanga omusajja ow'amaanyi oba omuzira n'amuyingiza mu magye.

# 15

1 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti, "MUKAMA nze gwe yatuma okukufukako amafuta okuba kabaka w'abantu be Isirayiri, noolwekyo wuliriza obubaka obuva eri MUKAMA Katonda.
2 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Ayinzabyonna nti, 'Ndibonereza Abamaleki olw'ekyo kye baakola Isirayiri bwe baabateega nga bayambuka okuva mu Misiri.
3 Kaakano genda olumbe Abamaleki obazikiririze ddala, n'ebintu byabwe byonna. Tobasaasira, otta abasajja n'abakazi, abaana n'abato ddala, ente, n'endiga, n'eŋŋamira n'endogoyi.' "
4 Awo Sawulo n'akuŋŋaanya abasajja, n'ababalira e Terayimu, nga bawera abaserikale ab'ebigere emitwalo amakumi abiri, n'abalala omutwalo gumu okuva mu Yuda.
5 Sawulo n'asemberera ekibuga kya Amaleki n'abateegera mu kiwonvu.
6 N'agamba Abakeeni nti, "Muve mu Bamaleki mugende nneme okubazikiririza awamu nabo, kubanga mwakolera Abayisirayiri bonna ebyekisa bwe bayambuka okuva mu Misiri." Abakeeni ne basenguka okuva mu Bamaleki.
7 Awo Sawulo n'alumba Abamaleki okuviira ddala e Kavira okutuuka e Ssuuli, ekiri ebuvanjuba w'e Misiri.
8 N'awamba Agagi kabaka w'Abamaleki nga mulamu, naye abantu abalala bonna n'abazikiririza ddala n'ekitala.
9 Era Sawulo n'eggye ne baleka Agagi nga mulamu, era endiga n'ente, n'ennyana n'abaana b'endiga n'ebyassava, n'ebyo byonna bye baalaba nga bya muwendo, ne batabizikiririza ddala. Naye ebirala byonna ebitaali bya muwendo nga binyoomebwa oba nga binafu, ne babizikiririza ddala.
10 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Samwiri nti,
11 "Nejjusizza okufuula Sawulo kabaka, kubanga avudde kukungoberera, n'atakolera ku biragiro byange." Samwiri n'anyolwa nnyo, n'akabira MUKAMA ekiro kyonna.
12 Enkeera ku makya Samwiri n'agolokoka n'agenda okusisinkana Sawulo, naye ne bamutegeeza nti, "Sawulo yazze e Kalumeeri gye yeezimbidde ekijjukizo, kyokka kaakano avuddeyo n'aserengeta e Girugaali."
13 Awo Samwiri bwe yamutuukako, Sawulo n'ayogera nti, "MUKAMA akuwe omukisa. Ngoberedde ebiragiro bya MUKAMA."
14 Naye Samwiri n'amuddamu nti, "Ate okubejjagala okw'endiga n'okuŋooŋa kw'ente bye mpulira biva wa?"
15 Sawulo n'amuddamu nti, "Abaserikale baaziggye ku Bamaleki. Baaleseewo ente n'endiga ezisinga obulungi okuba ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda wo, naye ebirala byonna twabizikiririzza ddala."
16 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti, "Sirika! Ka nkutegeeze MUKAMA kye yaŋŋambye ekiro." Sawulo n'amuddamu nti, "Ntegeeza."
17 Samwiri n'amugamba nti, "Newaakubadde nga wali weeraba ng'oli mutono, tewafuuka mukulu wa bika bya Isirayiri? MUKAMA yakufukako amafuta okuba kabaka wa Isirayiri.
18 Naakutuma omulimu, ng'agamba nti, 'Genda ozikiririze ddala abalina ebibi abo Abamaleki, obalwanyise okutuusa lw'olibamalirawo ddala.'

19 Lwaki tewagondedde ddoboozi lya MUKAMA? Lwaki mwalulunkanidde omunyago ne mukola ekibi mu maaso ga MUKAMA?”

20 Sawulo n’addamu Samwiri nti, “Nagondedde eddoboozi lya MUKAMA, era nagenze ku mulimu MUKAMA gwe yantumye. Nazikiririzza ddala Abamaleki era ne ndeeta Agagi kabaka waabwe.

21 Abaserikale baatute endiga n’ente, ebisinga obulungi ku ebyo ebyali biteekeddwa okuzikirizibwa, babiweeyo eri MUKAMA Katonda wo e Girugaali.”

22 Naye Samwiri n’amugamba nti,
“MUKAMA asanyukira nnyo ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka,
okusinga okugondera eddoboozi lya MUKAMA?
Okugonda kusinga ssaddaaka,
era n’okuwuliriza kusinga amasavu g’endiga ennume.
23 Kubanga obujeemu buli ng’ekibi eky’okusamira,
era n’obukakanyavu buli ng’ekibi eky’okusinza bakatonda abalala.
Kubanga ojeemedde ekigambo kya MUKAMA,
naye akugaanye okuba kabaka.”

24 Awo Sawulo n’agamba Samwiri nti, “Nyonoonye. Najeemedde ekiragiro kya MUKAMA era n’ebigambo byo, kubanga natidde abantu ne ŋŋendera ku bigambo byabwe.

25 Kaakano nkusaba, osonyiwe ekibi kyange, okomewo nange nsobole okusinza MUKAMA.”

26 Naye Samwiri n’amuddamu nti, “Sijja kuddayo naawe kubanga ovudde ku kigambo kya MUKAMA, ne MUKAMA akugaanye okuba kabaka wa Isirayiri.”

27 Awo Samwiri bwe yakyuka okugenda, Sawulo n’akwata ekirenge ky’ekyambalo kye, ne kiyulika.

28 Samwiri n’amugamba nti, “MUKAMA akuyuzizzaako obwakabaka bwa Isirayiri leero, n’abuwa omu ku baliraanwa bo akusinga.

29 Oyo ayitibwa Ekitiibwa kya Isirayiri talimba ate takyusakyusa kirowoozo kye, kubanga si muntu nti anaakyusa ekirowoozo kye.”

30 Sawulo n’addamu nti, “Nyonoonye, naye nzisaamu ekitiibwa mu maaso g’abakadde b’abantu bange, ne mu maaso ga Isirayiri, oddeyo nange, nsinze MUKAMA Katonda wo.”

31 Awo Samwiri n’addayo ne Sawulo, Sawulo n’asinza MUKAMA.

32 Samwiri n’alagira nti, “Mundeetere Agagi kabaka w’Abamaleki.”

Agagi n’ajja gy’ali ng’akankana naye ng’agamba mu mutima gwe nti, “Mazima ddala obubalagaze bw’okufa buyise.”

33 Naye Samwiri n’ayogera nti,
“Ng’ekitala kyo bwe kyaleetera abakazi abangi obutaba na baana,
ne nnyoko talibeera na mwana.”
Awo Samwiri n’atemaatema Agagi n’amuttira mu maaso ga MUKAMA e Girugaali.

34 Samwiri n’alyoka agenda e Laama, naye Sawulo ye n’agenda ewuwe mu Gibea ekya Sawulo.

35 Samwiri yanakuwala nnyo olwa Sawulo, era teyaddayo kulabagana ne Sawulo okutuusa Samwiri lwe yafa. MUKAMA n’anyolwa olw’okufuula Sawulo kabaka wa Isirayiri.

# 16

*Samwiri Afuka Amafuta ku Dawudi*

1 Awo MUKAMA n'agamba Samwiri nti, "Olituusa ddi okunakuwala olwa
Sawulo, ate nga nze sikyamubala kuba kabaka wa Isirayiri? Jjuza ejjembe
lyo amafuta nkutume eri Yese Omubesirekemu kubanga nnonze omu ku
batabani be okuba kabaka."
2 Naye Samwiri n'ayogera nti, "Nnaagenda ntya? Sawulo
bw'anakiwulira ajja kunzita." MUKAMA n'amugamba nti, "Weetwalire
ennyana oyogere nti, 'Nzize kuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA.'
3 Yita Yese ajje okuwaayo ssaddaaka, nzija kukulaga eky'okukola. Ojja
kufuka amafuta ku oyo gwe nnaaba nnonze."
4 Samwiri n'akola ekyo MUKAMA kye yamulagira. Bwe yatuuka e
Besirekemu abakulu b'ekibuga ne bakankana olw'okutya bwe baamu-
sisinkana era ne bamubuuza nti, "Ojja mirembe?"
5 N'abaddamu nti, "Weewaawo, mirembe. Nzize okuwaayo ssaddaaka
eri MUKAMA. Mwetukuze tugende ffenna tuweeyo ssaddaaka." N'atukuza
Yese ne batabani be, n'abayita okujja okuwaayo ssaddaaka.
6 Bwe baatuuka n'atunuulira Eriyaabu, n'alowooza nti, "Mazima
MUKAMA ono gw'afuseeko amafuta, era y'ayimiridde kaakano mu maaso
ga MUKAMA."
7 Naye MUKAMA n'agamba Samwiri nti, "Totunuulira nfaanana ye wadde
obuwanvu bwe, kubanga si gwe nnonze. MUKAMA tatunuulira ebyo
abantu bye batunuulira. Abantu batunuulira bya kungulu naye MUKAMA
atunuulira bya mu mutima."
8 Awo Yese n'ayita Abinadaabu, n'amuyisa mu maaso ga Samwiri. Naye
Samwiri n'ayogera nti, "Oyo naye MUKAMA si gw'alonze."
9 Yese n'ayita Samma n'amusimbawo, naye Samwiri n'ayogera nti, "Era
n'oyo MUKAMA si gw'alonze."
10 Yese n'ayisa batabani be omusanvu mu maaso ga Samwiri, naye
Samwiri n'amugamba nti, "Ku bo tekuli n'omu MUKAMA gw'alonze."
11 N'abuuza Yese nti, "Bano be batabani bo bokka?" Yese n'addamu nti,
"Ekyasigaddeyo asingira ddala obuto, alunda ndiga." Samwiri n'agamba
Yese nti, "Mutumye; tetujja kuweera okutuusa lw'anajja."
12 N'amutumya, n'aleetebwa. Yali mumyufu, n'amaaso ge nga malungi,
era ng'alabika bulungi nnyo. Awo MUKAMA n'ayogera nti, "Golokoka
omufukeko amafuta; ye wuuyo."
13 Awo Samwiri n'addira ejjembe ly'amafuta, n'agamufukako mu maaso
ga baganda be. Okuva ku lunaku olwo Omwoyo wa MUKAMA n'akka ku
Dawudi mu maanyi mangi. Oluvannyuma Samwiri n'addayo e Laama.

### *Dawudi Aweereza Sawulo*

14 Awo Omwoyo wa MUKAMA Katonda yali avudde ku Sawulo, omwoyo
omubi ogwava eri MUKAMA ne gumucoccanga.
15 Awo abaweereza ba Sawulo ne bamuleetera ekiteeso nti, "Laba,
omwoyo omubi okuva eri Katonda gukucocca.
16 Mukama waffe alagire abaweereza be kaakano okumunoonyeza
omuntu asobola okukuba entongooli. Omwoyo omubi okuva eri Ka-
tonda bwe gunaabanga gukusseeko, bw'anagikubanga n'oddamu endasi,
onoowuliranga bulungi n'okkakkana."
17 Awo Sawulo n'alagira abaweereza be nti, "Munfunireyo omuntu
asobola okukuba entongooli obulungi, mumundeetere."
18 Omu ku baweereza n'addamu nti, "Waliwo mutabani wa Yese Omube-
sirekemu gwe nalaba asobola okukuba entongooli obulungi. Musajja

muzira era mulwanyi, ate nga mwogezi mulungi, era alabika bulungi. Ate MUKAMA Katonda ali wamu naye."
19 Awo Sawulo n'atuma ababaka eri Yese, ng'agamba nti, "Mpeereza mutabani wo Dawudi, alabirira endiga."
20 Yese n'addira endogoyi n'agitikka emigaati, n'eccupa y'envinnyo n'omwana gw'embuzi, n'abiweereza wamu ne mutabani we Dawudi eri Sawulo.
21 Dawudi n'atuuka eri Sawulo, n'afuuka omu ku baweereza be. Sawulo n'amwagala nnyo, era n'amufuula omu ku abo abaasitulanga ebyokulwanyisa bye.
22 Awo Sawulo n'atumira Yese ng'agamba nti, "Kkiriza Dawudi asigale ng'omu ku baweereza bange, kubanga nsiimye by'ankolera."
23 Awo buli omwoyo omubi okuva eri Katonda lwe gw'ajjanga ku Sawulo, Dawudi n'amukubiranga entongooli, Sawulo n'akkakkana, era n'awulira bulungiko, n'omwoyo omubi ne gumuvaako.

# 17

*Dawudi ne Goliyaasi*

1 Awo Abafirisuuti ne bakuŋŋaanyiza eggye lyabwe e Soko ekya Yuda okulwana. Ne basiisira mu Efusudammimu ekiri wakati wa Soko ne Azeka.
2 Sawulo n'Abayisirayiri nabo ne bakuŋŋaana, bo ne basiisira mu kiwonvu Era, ne basimba ennyiriri okulwana n'Abafirisuuti.
3 Abafirisuuti ne bayimirira ku luuyi olumu olw'olusozi, n'Abayisirayiri ne bayimirira ku luuyi olulala olw'olusozi, nga wakati waabwe waliwo ekiwonvu.
4 Mu lusiisira lw'Abafirisuuti ne muva essajja eddene nga lizira erinnya lyalyo Goliyaasi*, ery'e Gaasi, ng'obuwanvu bwalyo lyali mita ssatu n'okusingawo.
5 Lyalina enkuufiira ey'ekikomo ku mutwe gwalyo, nga lyambadde n'ekizibaawo eky'ekikomo, n'obuzito bwakyo bwali kilo ataano mu musanvu.
6 Lyali lyambadde eby'ebikomo ku magulu gaalyo, nga lirina effumu ery'ekikomo ku kibegabega kyalyo.
7 N'olunyago lw'effumu lyalyo lwali ng'omuti ogulukirwako engoye, n'omutwe gw'effumu ogw'ekyuma ng'obuzito bwagwo kilo musanvu. Eyasitulanga engabo ye yamukulemberangamu.
8 Awo Goliyaasi n'ayimirira n'aboggolera eggye lya Isirayiri nti, "Lwaki mwetegeka okulwana? Siri Mufirisuuti, ate mmwe temuli baddu ba Sawulo? Mulonde omusajja mu mmwe aserengete gye ndi.
9 Bw'anannwanyisa n'anzita, kale tunaafuuka baddu bammwe, naye bwe nnaamuwangula ne mutta, munaafuuka baddu baffe era munaatuweerezanga."
10 Era Omufirisuuti n'ayongera okwogera nti, "Leero, nsomooza eggye lya Isirayiri! Mumpeeyo omusajja tulwane."
11 Sawulo ne Isirayiri yenna bwe baawulira ebigambo eby'Omufirisuuti, ne bakeŋŋentererwa ne batya nnyo.
12 Dawudi yali mutabani wa Yese Omwefulasi ow'e Besirekemu mu Yuda.

---

* **17:4** Goliyaasi yali muzzukulu w'Abanakimu abaali kumpi okuzikirizibwa bamalibwewo Yoswa. Kyokka abamu ku bo baasigalawo mu Gaaza, ne Asukulooni, ne Gaasi, era eyo Goliyaasi gye yava.

13 Yese yalina abaana munaana aboobulenzi, era mu biro ebyo ebya Sawulo yali akaddiye nnyo.

Batabani ba Yese abakulu abasatu baali bagenze ne Sawulo mu lutalo. Omukulu ye yali Eriyaabu, owookubiri nga ye Abinadaabu, n'owookusatu nga ye Samma.

14 Dawudi ye yali omuto. Abasatu ne bagenda ne Sawulo,

15 naye Dawudi n'addiŋŋananga ng'ava mu kulunda endiga za kitaawe e Besirekemu, ng'agenda ewa Sawulo.

16 Omufirisuuti n'amala ennaku amakumi ana ng'asoomooza Abayisirayiri enkya n'akawungeezi.

17 Yese n'agamba mutabani we Dawudi nti, "Kwata ekkilo zino amakumi abiri ez'eŋŋaano ensiike n'emigaati gino ekkumi, oyanguwe okubitwalira baganda bo mu lusiisira lwabwe.

18 Ate ne bino ebitole ekkumi eby'amata (kiizi†) bitwalire omuduumizi w'ekibinja kyabwe. Olabe baganda bo nga bwe bali okomyewo obubaka obunaatugumya.

19 Bali ne Sawulo n'abasajja ba Isirayiri bonna mu kiwonvu Era, balwana n'Abafirisuuti."

20 Enkeera Dawudi n'agolokoka mu makya nnyo, endiga n'azirekera omusumba, n'ateekateeka ebintu bye yali atwala, n'agenda nga Yese bwe yamulagira. We yatuukira mu lusiisira, ng'eggye ligenda mu ddwaniro nga lirangirira olutalo.

21 Isirayiri n'Abafirisuuti baali basimbye ennyiriri, buli ggye nga lyolekedde linnaalyo.

22 Dawudi n'alekera omukuumi w'ebikozesebwa ebintu bye, n'adduka n'agenda eri eggye, n'alamusa ku baganda be.

23 Awo bwe yali ng'aky'anyumya nabo, Goliyaasi, Omufirisuuti omuzira ow'e Gaasi, ne yeesowolayo okuva mu ggye ly'Abafirisuuti n'asoomooza Abayisirayiri mu bigambo bye bimu bye yayogeranga. Dawudi n'amuwulira.

24 Awo Abayisirayiri bwe baalaba omusajja ne batya ne bamudduka mu kutya okw'ekitalo.

25 Ne bagamba nti, "Mulaba omusajja oyo avuddeyo? Mazima, azze okusoomooza Isirayiri. Omuntu alimutta, kabaka alimugaggawaza era alimuwa muwala we okumuwasa, era n'ennyumba ya kitaawe eneebanga ya ddembe mu Isirayiri."

26 Awo Dawudi n'abuuza abasajja abaali bamuyimiridde okumpi nti, "Kiki ekirikolerwa omuntu alitta Omufirisuuti oyo, n'aggya obuswavu buno ku Isirayiri? Omufirisuuti oyo atali mukomole yeeyita ani okusoomooza eggye lya Katonda omulamu?"

27 Ne bamuddiramu ebigambo bye bimu nti, "Bw'atyo bw'anaakolebwa omuntu anaamutta."

28 Awo Eriyaabu, muganda wa Dawudi mukulu waabwe bwe yamuwulira ng'ayogera n'abasajja, obusungu ne bumukwata, n'amubuuza nti, "Kiki ekyakuleese wano? Ani gwe walekedde endiga ezo entono ku ttale? Mmanyi amalala go n'ekyejo ky'olina mu mutima, waserengese kulaba bulabi lutalo."

29 Dawudi n'ayogera nti, "Kaakano nkoze ki? Siyinza kubaako kye mbuuza? Mbuuzizza bubuuza."

† **17:18** Kiizi akolebwa mu mata agakute, nga yeefaananyiriza amata agakutte aga bongo, naye ye kiizi ng'akaluba

30 N'akyuka n'abuuza omuntu omulala ekibuuzo kye kimu, mu ngeri y'emu abasajja ne bamutegeeza ebigambo bye bimu nga bali abaasoose.

31 Ebigambo Dawudi bye yayogera byawulirwa ne bituusibwa eri Sawulo; Sawulo n'amutumya.

32 Awo Dawudi n'agamba Sawulo nti, "Waleme kubaawo muntu n'omu aggwaamu mwoyo olw'Omufirisuuti oyo. Omuweereza wo anaagenda n'amulwanyisa."

33 Sawulo n'amuddamu nti, "Toyinza kugenda kulwana na Mufirisuuti oyo; kubanga oli mulenzi bulenzi, songa ye abadde mulwanyi okuva mu buvubuka bwe."

34 Naye Dawudi n'addamu Sawulo nti, "Omuweereza wo amaze ebbanga ng'alunda endiga za kitaawe, era bwe waabangawo empologoma oba eddubu eyajjanga n'etwala omwana gw'endiga okuva mu kisibo,

35 nagigobereranga, ne ngikuba, ne mponya omwana gw'endiga nga nguggya mu kamwa k'ensolo eyo. Bwe yankyukiranga n'eyagala okunzita, nga ngikwata oluba ne ngikuba ne ngitta.

36 Omuweereza wo yattako ku mpologoma n'eddubu. Omufirisuuti ono atali mukomole anaaba ng'emu ku zo, kubanga asoomozezza eggye lya Katonda omulamu."

37 Dawudi n'ayogera nti, "MUKAMA eyamponya enjala z'empologoma n'enjala z'eddubu, alimponya ne mu mukono gw'Omufirisuuti oyo."

Awo Sawulo n'agamba Dawudi nti, "Genda, era MUKAMA abeere naawe."

38 Sawulo n'ayambaza Dawudi ebyambalo bye eby'olutalo; n'amuwa ekizibaawo eky'ekikomo, n'amuteeka n'enkuufiira ey'ekikomo ku mutwe.

39 Dawudi ne yeesiba ekitala kya Sawulo ku kyambalo, n'agezaako okutambula, naye n'alemererwa, kubanga yali tabimanyidde. Awo n'agamba Sawulo nti, "Siisobole kugenda na bino kubanga sibimanyidde." N'abyeyambulamu.

40 N'akwata omuggo mu mukono gwe, n'alonda n'amayinja amawe-weevu ataano mu kagga, n'agateeka mu nsawo ye ey'omusumba. N'addira n'envuumuulo ye mu mukono gwe n'asemberera Omufirisuuti.

41 Awo Omufirisuuti n'omusajja eyasitulanga ebyokulwanyisa bye nga yamukulembeddemu, ne basemberera Dawudi.

42 Omufirisuuti n'atunuulira Dawudi n'amunyooma kubanga yali mu-lenzi bulenzi, ng'alabika bulungi ate n'amaaso ge nga malungi.

43 N'agamba Dawudi nti, "Ndi mbwa olyoke ojje gye ndi n'emiggo?" Omufirisuuti n'akolimira Dawudi nga bwakoowoola balubaale be.

44 Omufirisuuti n'agamba Dawudi nti, "Sembera wano, omubiri gwo nnaagugabira ennyonyi ez'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko."

45 Naye Dawudi n'agamba Omufirisuuti nti, "Ojja gye ndi n'ekitala n'effumu, naye nze nzija gy'oli mu linnya lya MUKAMA ow'eggye, Katonda w'eggye lya Isirayiri gw'osoomooza.

46 Olwa leero MUKAMA anaakuwaayo mu mukono gwange, ne nkukuba era ne nkusalako omutwe. Olwa leero nnaagabira emirambo egy'eggye ery'Abafirisuuti eri ebinyonyi eby'omu bbanga n'eri ensolo enkambwe ez'ensi, ensi yonna eryoke etegeere nga waliwo Katonda mu Isirayiri.

47 Abo bonna abakuŋŋaanye wano banaategeera nga MUKAMA talokola na kitala wadde effumu, kubanga olutalo, lwa MUKAMA era mwenna agenda kubawaayo mu mukono gwaffe."

48 Awo Omufirisuuti bwe yali ng'asembera okulumba Dawudi, Dawudi n'adduka mbiro okumusisinkana.

49 Dawudi n'aggya ejjinja mu nsawo ye n'alivuumuula ne likwasa Omufirisuuti mu kyenyi; n'agwa nga yeevuunise, n'ejjinja nga liyingidde mu kyenyi kye.

50 Bw'atyo Dawudi n'awangula Omufirisuuti n'envuumuulo n'ejjinja, n'amukuba n'amutta nga Dawudi talina kitala ky'akutte.

51 Dawudi bwe yamala okutta Omufirisuuti, n'adduka n'amuyimirirako, n'asowola ekitala ky'Omufiisuuti okuva mu kiraato kyakyo, n'amutemako omutwe nakyo.

Awo Abafirisuuti bwe baalaba omuzira waabwe ng'afudde ne badduka.

52 Abasajja ba Isirayiri ne Yuda ne bagolokoka n'okuleekaana okungi ne bagoberera Abafirisuuti okutuuka e Gaasi ne ku miryango gya Ekuloni; abaafa n'abaatuusibwako ebiwundu ne baba bangi mu kkubo okuva e Saalayimu okutuuka e Gaasi n'e Ekuloni.

53 Awo Abayisirayiri bwe baakomawo okuva mu kugoberera Abafirisuuti, ne banyaga olusiisira lw'Abafirisuuti.

54 Dawudi n'asitula omutwe gw'Omufirisuuti n'aguleeta e Yerusaalemi, naye ebyokulwanyisa by'Omufirisuuti n'abiteeka mu weema ye.

55 Sawulo bwe yalengera Dawudi ng'agenda okulwana n'Omufirisuuti, n'abuuza Abuneeri omuduumizi w'eggye nti, “Abuneeri, oyo omuvubuka mutabani w'ani?” Abuneeri n'amuddamu nti, “Nga bw'oli omulamu, ayi kabaka, simanyi.”

56 Kabaka n'ayogera nti, “Genda onoonyereze bazadde b'omuvubuka oyo.”

57 Amangu ddala nga Dawudi akomyewo ng'asse Omufirisuuti, Abuneeri n'amutwala mu maaso ga Sawulo, nga Dawudi asitudde omutwe gw'Omufirisuuti mu mukono gwe.

58 Sawulo n'amubuuza nti, “Muvubuka, oli mwana w'ani?” Dawudi n'amuddamu nti, “Ndi mutabani wa muddu wo Yese Omubesirekemu.”

# 18

### *Omukwano gwa Yonasaani ne Dawudi*

1 Awo Dawudi bwe yamala okwogera ne Sawulo, Yonasaani n'aba bumu ne Dawudi, era n'amwagala nnyo nga bwe yali yeeyagala.

2 Okuva ku lunaku olwo Sawulo n'atwala Dawudi okubeera naye, n'atamuganya kuddayo mu nnyumba ya kitaawe.

3 Awo Yonasaani n'atta omukago ne Dawudi kubanga yamwagala nnyo nga bwe yali yeeyagala yekka.

4 Yonasaani ne yeeyambulamu ekyambalo kye yali ayambadde n'ekanzu ye, ne yeesumulula n'ekitala kye, n'omutego gwe n'olukoba lwe, n'abiwa Dawudi.

5 Buli kintu Sawulo kye yatumanga Dawudi, Dawudi n'akituukirizanga bulungi nnyo, era Sawulo kyeyava amuwa ekifo ekyawaggulu mu magye. Ekyo ne kisanyusa abantu bonna, n'abakungu ba Sawulo.

### *Sawulo Akwatirwa Dawudi Obuggya*

6 Awo abasajja bwe baali nga bakomawo eka, Dawudi ng'amaze okutta Omufirisuuti, abakazi ne bava mu bibuga byonna ebya Isirayiri nga bayimba era nga bazina, okusisinkana kabaka Sawulo, nga bayimba ennyimba ez'essanyu, nga balina ebitaasa n'entongooli.

7 Baazinanga ate nga bwe bayimba nti,
“Sawulo asse enkumi ze

Dawudi n'atta emitwalo gye."

8 Sawulo olwawulira ebigambo ebyo n'asunguwala nnyo, era ne kimukola bubi nnyo. N'ayogera nti, "Dawudi bamuwaanye n'emitwalo, nze ne bampaana n'enkumi; kiki ky'ataafune bw'ataalye bwakabaka?"

9 Awo okuva mu kiseera ekyo Sawulo n'akwatirwa Dawudi obuggya.

10 Olunaku olwaddirira omwoyo omubi okuva eri Katonda ne gujja ku Sawulo n'amaanyi mangi, n'ayogera eby'obunnabbi mu lubiri lwe, Dawudi nga bw'akuba entongooli nga bwe yakolanga buli lunaku. Sawulo yalina effumu mu ngalo ze,

11 n'alikasuka, ng'ayogera mu mutima gwe nti, "Kanfumite Dawudi mmukwasize ku kisenge." Naye Dawudi n'alyewoma emirundi ebiri.

12 Awo Sawulo n'atya Dawudi, kubanga MUKAMA yali wamu naye, kyokka ng'avudde ku Sawulo.

13 Sawulo kyeyava aziyiza Dawudi okujja mu maaso ge n'amufuula omuduumizi ow'abasajja olukumi, era olw'omulimu ogwo ne yeeyongera okwatiikirira mu bantu.

14 Dawudi n'afuna omukisa mu buli kye yakolanga, kubanga MUKAMA yali wamu naye.

15 Awo Sawulo bwe yalaba Dawudi ng'afuna emikisa, n'amutya.

16 Naye Isirayiri yenna ne Yuda ne baagala Dawudi, kubanga yakulemberanga bulungi.

17 Awo Sawulo n'agamba Dawudi nti, "Nzija kukuwa muwala wange omukulu Merabu, abe mukyala wo, mpeereza n'obuvumu era lwana entalo za MUKAMA." Sawulo n'ateesa mu mutima gwe nti, "Kikafuuwe nze okugolola omukono gwange okumukolako akabi. Ekyo Abafirisuuti be balikikola."

18 Naye Dawudi n'agamba Sawulo nti, "Nze ani, n'ennyumba ye waffe be baani, era n'ekika kya kitange kye kiki mu Isirayiri, nze okuba mukoddomi wa kabaka?"

19 Naye ekiseera bwe kyatuuka omuwala wa Sawulo Merabu okuweebwa Dawudi, ne bamuwa Aduliyeri Omumekolasi okumuwasa.

20 Awo muwala wa Sawulo omulala Mikali yali ayagala Dawudi, era Sawulo bwe yakiwulira, n'akisanyukira.

21 Sawulo n'alowooza mu mutima gwe nti, "Nzija kumumuwa afuuke omutego, omukono gw'Abafirisuuti gulyoke gumuzikirize." Sawulo kyeyava agamba Dawudi nti, "Kaakano ofunye omukisa ogwokubiri okuba mukoddomi wange."

22 Awo Sawulo n'alagira abaweereza be nti, "Mwogere ne Dawudi kyama mumugambe nti, 'Laba, kabaka akusanyukira, ate n'abaweereza be bonna bakwagala, noolwekyo beera mukoddomi wa kabaka.' "

23 Ebigambo ebyo ne babitegeeza Dawudi. Naye Dawudi n'ayogera nti, "Mulowooza nga kintu kitono okubeera mukoddomi wa kabaka? Nze ndi musajja mwavu atamanyiddwa nnyo."

24 Abaweereza ba Sawulo ne bamutuusaako ebigambo bya Dawudi.

25 Sawulo n'addamu nti, "Mugambe Dawudi nti, 'Tewali kirala kabaka ky'ayagala okuggyako ebikuta by'Abafirisuuti kikumi okwesasuza ku balabe be, n'oluvannyuma onoowasa muwala we.' " Sawulo yali ayagala Dawudi attibwe Abafirisuuti.

26 Awo abaweereza be ne bagenda ne bategeeza Dawudi ebigambo ebyo, Dawudi n'asanyuka nnyo okuba mukoddomi wa kabaka. Awo ekiseera ekiragaane nga tekinnaba na kuyitawo,

27 Dawudi n'abasajja be ne bagenda ne batta Abafirisuuti ebikumi bibiri. N'aleeta ebikuta byabwe, n'awaayo omuwendo ogutuukiridde eri kabaka, alyoke abeere mukoddomi wa kabaka. Awo Sawulo n'alyoka amuwa muwala we Mikali amuwase.
28 Naye Sawulo bwe yategeera nga MUKAMA ali wamu ne Dawudi, ate nga ne muwala we Mikali ayagala Dawudi,
29 Sawulo ne yeeyongera okumutya, era n'aba mulabe wa Dawudi okuva mu kiseera ekyo.
30 Abaduumizi b'Abafirisuuti ne beeyongera okubatabaalanga, era buli lwe baabalumbanga, Dawudi n'awangulanga okusinga n'Abaserikale ba Sawulo abalala bonna. Erinnya lya Dawudi ne lyatiikirira nnyo.

# 19

*Sawulo Agezaako Okutta Dawudi*

1 Awo Sawulo n'agamba mutabani we Yonasaani, n'abaweereza be
bonna, batte Dawudi. Naye Yonasaani yayagalanga nnyo Dawudi,
2 bw'atyo n'amulabula ng'agamba nti, "Kitange Sawulo anoonya bw'anaayinza okukutta. Weekuume enkya ku makya, weekweke mu kifo ekikusifu obeere eyo.
3 Nnaagenda ne nnyimirira ne kitange mu nnimiro, w'onoobeera, ne njogera naye ku bikukwatako, n'oluvannyuma nzija kujja nkutegeeze bye nnaazuula."
4 Awo Yonasaani n'ayogera bulungi ku Dawudi eri Sawulo kitaawe ng'agamba nti, "Kabaka aleme okukola akabi ku muddu we Dawudi, kubanga talina kyakukoze, era akuweereza bulungi nnyo mu mirimu egy'omugaso.
5 Yeewaayo n'atta Omufirisuuti; MUKAMA n'aleetera Isirayiri yenna,
obuwanguzi obw'ekitalo, n'okiraba n'osanyuka. Lwaki oyigganya omuntu nga Dawudi ataliiko musango, n'oyagala okumutta awatali nsonga?"
6 Sawulo n'awuliriza Yonasaani, era n'amulayirira ng'agamba nti,
"MUKAMA nga bw'ali omulamu, Dawudi tajja kuttibwa."
7 Awo Yonasaani n'ayita Dawudi, n'amutegeeza byonna. N'amuleeta eri
Sawulo, Dawudi n'addamu n'aweereza Sawulo ng'olubereberye.
8 Ne wagwawo olutalo nate, Dawudi n'agenda okulwana n'Abafirisuuti,
n'abakuba n'atta bangi ku bo, abaasigalawo ne badduka.
9 Awo omwoyo omubi okuva eri MUKAMA ne gujja ku Sawulo bwe yali
ng'atudde mu nnyumba ye, ng'akutte effumu mu mukono, Dawudi bwe yali ng'akuba entongooli.
10 Sawulo n'agezaako okumufumitira ku kisenge n'effumu, naye Dawudi
n'alyewoma, ne likwasa ekisenge. Ekiro ekyo Dawudi n'adduka n'awona.
11 Sawulo n'atuma ababaka bagende bakuume ennyumba ya Dawudi,
bamutte enkeera. Naye Mikali mukyala wa Dawudi n'amulabula n'amugamba nti, "Bw'otodduke kiro kino, bwe bunaakya bajja kukutta."
12 Awo Mikali n'assiza Dawudi mu ddirisa, n'adduka n'agenda ne
yeekweka.
13 Mikali n'addira ekifaananyi ekyole n'akiteeka ku kitanda,
n'akibikkako olugoye, n'assa n'ebyoya eby'embuzi ku mutwe gwakyo.
14 Awo Sawulo bwe yatumayo ababaka okuwamba Dawudi, Mikali
n'abagamba nti, "Mulwadde."
15 Sawulo n'abatuma baddeyo bamulabe era n'abalagira nti, "Mumundeetere mu kitanda kye, mmutte."

16 Naye abasajja bwe bagenda yo, ne balaba ekifaananyi ekyole mu
kitanda, nga ne ku mutwe kuliko ebyoya by'embuzi.
17 Sawulo n'abuuza Mikali nti, "Lwaki wannimbye bw'otyo, n'oleka
omulabe wange okudduka, n'okuwona n'awona?" Mikali n'amuddamu
nti, "Yaŋŋambye nti, 'Bw'otondeke kugenda nzija kukutta.' "
18 Awo Dawudi n'addukira eri Samwiri e Laama, n'amutegeeza byonna
Sawulo bye yamukola. Ye ne Samwiri ne bagenda e Nayosi ne babeera
eyo.
19 Sawulo n'ategeezebwa nti, "Dawudi ali Nayosi mu Laama;"
20 n'atuma ababaka okumuwamba. Naye bwe baalaba ekibiina kya
bannabbi nga boogera eby'obunnabbi, nga Samwiri ye mukulembeze
waabwe, Omwoyo wa Katonda n'akka ku basajja ba Sawulo, nabo ne baba
nga bali.
21 Awo Sawulo bwe yategeezebwa ekibaddewo, n'atuma ababaka
abalala nabo ne baba nga bali. Sawulo n'atuma ekibinja ekyokusatu, era
nabo ne baba nga bali.
22 Ekyavaamu, ye yennyini kwe kugenda e Laama, n'atuuka awali oluzzi
olunene oluli e Seku, n'abuuza nti, "Samwiri ne Dawudi bali ludda wa?"
Ne bamuddamu nti, "Bali Nayosi mu Laama."
23 Awo Sawulo n'agenda e Nayosi mu Laama, naye Omwoyo wa Mukama
n'amukkako, n'atambula ng'ayogera eby'obunnabbi okutuuka e Nayosi.
24 Ne yeyambula ebyambalo bye, n'atandika okwogera nga bannabbi mu
maaso ga Samwiri. N'abeera bw'atyo olunaku lwonna n'okuzibya obudde.
Abantu kyebaava boogera nti, "Ne Sawulo ali mu bannabbi?"

# 20

*Dawudi ne Yonasaani*

1 Awo Dawudi n'adduka okuva e Nayosi mu Laama n'agenda eri
Yonasaani, n'amubuuza nti, "Nkoze ki? Nazza musango ki? Kibi ki kye
nakola ekiyagazisa kitaawo okunzita?"
2 Yonasaani n'addamu nti, "Kikafuuwe! Togenda kuttibwa. Laba
kitange talina ky'akola, kakibe kinene oba kitono, nga tantegeezezza. Kiki
ekyandimuleetedde okukinkisa ekyo? Tekiriiwo."
3 Naye Dawudi n'amulayirira ng'ayogera nti, "Kitaawo akimanyi bulungi
nti onjagala, era alowooza mu mutima gwe nti, 'Yonasaani tateekwa
kumanya nsonga eyo, kubanga ajja kunakuwala.' Mukama nga bw'ali
omulamu, era naawe ng'oli mujulirwa, ndi wakati mu kufa."
4 Awo Yonasaani n'agamba Dawudi nti, "Buli ky'oyagala nkukolere,
nnaakikukolera."
5 Dawudi n'agamba Yonasaani nti, "Enkya mbaga ey'okujuukirirako
omwezi nga gubonese era nsubirwa okuliira awamu ne kabaka, naye
nzikiriza ŋŋende ne kweke mu nnimiro okutuusa ku lunaku olwokusatu
akawungeezi nga wayiseewo ennaku bbiri.
6 Kitaawo bw'anambuuza, mugambe nti, 'Dawudi yansabye, agende e
Besirekemu, mu kibuga kye waabwe, kubanga waliwo ssaddaaka eya buli
mwaka eneeweebwayo ku lw'ennyumba ye yonna.'
7 Bw'anaakuddamu nti, 'Kirungi,' olwo nno omuweereza wo anaaba
mirembe. Naye bw'anaanyiiga, kale onootegeera nti amaliridde okunkola
akabi.
8 Noolwekyo beera wa kisa eri omuweereza wo, kubanga wakola
endagaano n'omuweereza wo mu maaso ga Mukama. Naye oba nnina
omusango, gw'oba onzita. Lwaki ompaayo eri kitaawo?"

9 Yonasaani n'ayogera nti, "Tekiribaawo! Singa nnali ntegedde nga kitange amaliridde okukukola akabi, sandikubuulidde?"
10 Awo Dawudi n'amubuuza nti, "Ani anantegeeza, kitaawo ng'akuzzeemu n'obusungu?"
11 Yonasaani n'amugamba nti, "Jjangu tulage mu nnimiro." Awo bombi ne balaga mu nnimiro.
12 Awo Yonasaani n'agamba Dawudi nti, "MUKAMA, Katonda wa Isirayiri, abeere mujulirwa waffe; nzija kugezaako okumatiza kitange enkya oba okwosa enkya ku ssaawa nga zino. Bw'anaaba nga takuliiko nsonga, kiki ekinandobera okukumanyisa?
13 Naye kitange bw'anaaba ng'amaliridde okukukola akabi, kale MUKAMA ankole bw'atyo, n'okusingawo, bwe siikutegeeze ne nkusindika ogende weekweke. MUKAMA abeere naawe, nga bw'abadde ne kitange.
14 Bwe nnaaba omulamu, ondage ekisa kya MUKAMA ekitakoma, ennaku zonna ez'obulamu bwange, nneme okuttibwa,
15 tokendeezanga ku kisa so tolekangayo kulaga bwesigwa eri ennyumba yange, MUKAMA ne bw'alizikiriza buli mulabe wa Dawudi ku nsi."
16 Awo Yonasaani n'akola endagaano n'ennyumba ya Dawudi ng'agamba nti, "MUKAMA abonereze abalabe ba Dawudi."
17 Yonasaani n'alayiza Dawudi nate okukakasa ekirayiro kye, olw'okwagala kwe yamwagala kubanga yamwagala nga bwe yali yeeyagala.
18 Yonasaani n'agamba Dawudi nti, "Enkya mbaga ey'okujuukirirako omwezi nga gubonese, naye tunaakusaalirwa, kijja kutegeerekeka nti toliiwo, kubanga ekifo kyo kinaaba kyereere.
19 Okwosa enkya, obudde nga bunaatera okuziba, genda mu kifo mwe weekweka luli, ebizibu bino bwe byatandika, obeere awali ejjinja Ezeri.
20 Nnaalasa obusaale busatu ku mabbali gaalyo, ng'ateeba ssabbaawa.
21 N'oluvannyuma nzija kutuma omulenzi nga mugamba nti, 'Genda onoonye obusaale.' Bwe naamugamba nti, 'Laba, obusaale buli ku luuyi gy'oli, buleete,' kale onojja, kubanga MUKAMA nga bw'ali omulamu, onoolama, era tewaabeewo kabi.
22 Naye bwe nnaagamba omulenzi nti, 'Laba, obusaale buli mu maaso,' kale onoogenda, kubanga olwo MUKAMA ng'akugambye ogende.
23 Era ne ku bigambo bye twayogerako, MUKAMA abeere naffe ennaku zonna."
24 Awo Dawudi ne yeekweka mu nnimiro. Embaga ey'okujuukirirako omwezi nga gubonese bwe yatuuka, kabaka n'atuula okulya.
25 N'atuula mu kifo kye ekya bulijjo okumpi n'ekisenge okwolekera Yonasaani. Abuneeri n'atuula okuliraana Sawulo, naye ekifo kya Dawudi kyali kyereere.
26 Sawulo n'atabaako kyayogera ku lunaku olwo, kubanga yalowooza nti, "Waliwo ekituuse ku Dawudi ne kimufuula atali mulongoofu; ddala si mulongoofu."
27 Olunaku olwaddirira, omwezi nga gumaze okuboneka, ekifo kya Dawudi ne kisigala nga kyereere. Awo Sawulo n'abuuza mutabani we Yonasaani nti, "Kiki ekyalobedde mutabani wa Yese okujja ku kijjulo, olunaku lwa jjo newaakubadde leero?"
28 Yonasaani n'addamu nti, "Dawudi yanneegayiridde mukkirize agende e Besirekemu,
29 ng'ayogera nti, 'Nzikiriza ŋŋende kubanga ennyumba yaffe balina ssaddaaka ey'okuwaayo mu kibuga, ne muganda wange yandagidde

mbeere yo. Kale nno obanga ndabye ekisa mu maaso go, nzikiriza ŋŋende
ndabe baganda bange.' Kyeyavudde tabeerawo ku mmeeza ya kabaka."
30 Awo Sawulo n'annyiigira nnyo Yonasaani, n'amugamba nti, "Ggwe
omwana w'omukazi omukyamu era omujeemu! Olowooza sikimanyi nga
weekobaana ne mutabani wa Yese okweleetako okuswala, n'okukwasa
maama wo eyakuzaala ensonyi?
31 Mutabani wa Yese ng'akyali mulamu ku nsi, tolinywezebwa ggwe
newaakubadde obwakabaka bwo. Kaakano mutumye omundeetere,
kubanga ateekwa okufa."
32 Awo Yonasaani n'addamu kitaawe Sawulo nti, "Kiki ekimugwanyiza
okuttibwa? Akoze ki?"
33 Naye Sawulo n'amukasuukirira effumu amutte. Awo Yonasaani we
yategeerera nga kitaawe amaliridde okutta Dawudi.
34 Yonasaani n'asituka ku mmeeza mu busungu obungi, era n'atalya
mmere ku lunaku olwokubiri olw'omwezi, kubanga yanakuwalira
ekikolwa kya kitaawe eky'obuswavu eri Dawudi.
35 Ku makya Yonasaani n'alaga mu nnimiro okusisinkana Dawudi, nga
bwe baali balagaanye. Yalina akalenzi ke yagenda nako,
36 n'akagamba nti, "Dduka onoonye obusaale bwe nnaalasa." Akalenzi
bwe kaali nga kadduka, Yonasaani n'alasa akasaale mu maaso gaako ne
kamusookayo.
37 Awo akalenzi bwe kaatuuka mu kifo akasaale we kaali kagudde,
Yonasaani n'akakoowoola ng'agamba nti, "Akasaale tekali mu maasoko?"
38 N'akangula ku ddoboozi, n'amugamba nti, "Yanguwa, genda mangu,
tolwawo." Akalenzi ne kakima akasaale, ne kakomawo eri mukama
waako.
39 Naye akalenzi ne katabaako kye kategeera. Yonasaani ne Dawudi
bokka be baamanya enteekateeka eyo.
40 Awo Yonasaani n'akwasa akalenzi ebyokulwanyisa bye, n'akagamba
nti, "Genda, obizzeeyo mu kibuga."
41 Akalenzi bwe kaamala okugenda, Dawudi n'avaayo mu
kifo eky'obukiikaddyo, n'agwa wansi mu maaso ga Yonasaani
n'amuvuunamira emirundi esatu. Ne bagwaŋŋana mu bifuba ne bakaaba,
naye Dawudi ye yasinga okukaaba.
42 Awo Yonasaani n'agamba Dawudi nti, "Genda mirembe, kubanga
fembi twelayirira omukwano mu linnya lya Mukama nga twogera nti,
'Mukama ye mujulirwa wakati wo nange, ne wakati w'ezzadde lyo
n'ezzadde lyange emirembe gyonna.' " Dawudi n'agenda, ne Yonasaani
n'addayo mu kibuga.

# 21

*Dawudi ng'ali e Nobu*

1 Dawudi n'agenda e Nobu eri Akimereki kabona. Akimereki n'ajja
ng'akankana okusisinkana Dawudi, n'amubuuza nti, "Lwaki oli wekka?
Tewali muntu mulala ali wamu naawe?"
2 Dawudi n'addamu Akimereki kabona nti, "Kabaka alina ensonga
gye yantumye, n'aŋŋamba nti, 'Tewaba n'omu amanya ku nsonga
eno, era n'ebiragiro bye nkuwadde.' Abasajja bange mbagambye we
banansisinkana.
3 Kale nno kiki ky'olina wo? Mpaayo emigaati etaano, oba kyonna
ky'olinawo."

4 Kabona n'addamu Dawudi nti, "Sirinaawo migaati gya bulijjo okuggyako emigaati egyatukuzibwa, wabula nga abasajja bo beetukuza era nga beekuumye obuteetaba na bakazi."

5 Dawudi n'amugamba nti, "Abakazi tebabeera naffe, era bulijjo bwe kitera okuba bwe tugenda ku mulimu. Emibiri gy'abasajja giba mitukuvu ne bwe baba ku ŋŋendo eza bulijjo. Kale obanga tutera okwekuuma, olowooza leero emibiri gyabwe tegisinga nnyo kuba mitukuvu?"

6 Awo kabona n'amuwa emigaati egyatukuzibwa kubanga tewaaliwo migaati mirala wabula emigaati egy'Okulaga egyaggibwanga mu maaso ga Mukama, buli lunaku nga giwoze, egibuguma ne gissibwawo mu kifo kya gyo.

7 Ku lunaku olwo omu ku baweereza ba Sawulo eyayitibwanga Dowegi Omwedomu, era nga ye mukulu w'abasumba ba Sawulo, yali asigadde mu maaso ga Mukama okutukuzibwa.

8 Dawudi n'abuuza Akimereki nti, "Tolinaawo ffumu newaakubadde ekitala awo? Ssaayise na kitala kyange newaakubadde ekyokulwanyisa n'ekimu, kubanga omulimu kabaka gwe yantumye gwabadde gwa kukolerawo."

9 Kabona n'amuddamu nti, "Ekitala kya Goliyaasi Omufirisuuti gwe wattira mu kiwonvu Era, weekiri wano; kisabikiddwa mu lugoye emabega w'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi. Bw'oba ng'okyetaaga, kitwale. Tewaliwo kitala kirala wabula ekyo."

Dawudi n'ayogera nti, "Tewali kikyenkana; kimpe."

### *Dawudi Addukira e Gaasi*

10 Ku lunaku olwo Dawudi n'adduka Sawulo n'agenda eri Akisi kabaka w'e Gaasi.

11 Naye abaweereza ba Akisi ne bamugamba nti, "Oyo si ye Dawudi kabaka w'ensi? Si gwe bayimbako nga bazina, nga boogera nti,

" 'Sawulo asse enkumi ze
ne Dawudi emitwalo gye?' "

12 Dawudi n'akuuma ebigambo ebyo mu mutima gwe, era n'atya nnyo Akisi kabaka w'e Gaasi.

13 Kyeyava yeefuula omulalu mu maaso gaabwe, n'aba ng'agudde eddalu, n'awandiika ebitategeerekeka ku wankaaki, nga bw'akulukusa amalusu ku birevu bye.

14 Akisi n'agamba abaweereza be nti, "Mulabe! Omusajja mulalu! Lwaki mumundeetedde?

15 Mbuliddwa abalalu, n'okuleeta ne mundeetera omusajja ono okukola ebifaanana bwe biti mu maaso gange? Omusajja ono asaana okuggya mu nnyumba yange?"

## 22

### *Dawudi ng'ali Adulamu n'e Mizupe*

1 Dawudi n'ava e Gaasi, n'addukira mu mpuku Adulamu. Baganda be n'ennyumba ya kitaawe bwe baakiwulira nti ali eyo, ne baserengeta okumusisinkana.

2 N'abo bonna abaali abanaku, n'abaalina ababbanja, n'abaali beetamiddwa, nga si bamativu, ne bakuŋŋaanira gy'ali, n'afuuka omukulembeze waabwe; abantu ng'ebikumi bina abaali naye.

3 Dawudi n'avaayo n'agenda e Mizupe mu Mowaabu, n'agamba kabaka
wa Mowaabu* nti, "Nkusaba okkirize kitange ne mmange babeere naawe
okutuusa bwe ndimanya Katonda ky'ayagala okunkolera."
4 N'abaleka ne kabaka wa Mowaabu, ne babeera naye ebbanga lyonna
Dawudi lye yabeera mu kifo ekyo.
5 Naye nnabbi Gaadi n'alabula Dawudi nti, "Tobeera mu kifo ekyo,
vaamu ogende mu nsi ya Yuda." Awo Dawudi n'avaayo n'agenda mu
kibira Keresi.

### *Sawulo Atta Bakabona b'e Nobu*

6 Sawulo n'awulira nti Dawudi n'abasajja be bazuuliddwa. Sawulo yali
atudde wansi w'omumyulimu ku kasozi e Gibea ng'akutte effumu, nga
n'abaserikale be bayimiridde okumwetooloola.
7 Awo Sawulo n'abagamba nti, "Mumpulirize mmwe Ababenyamini.
Mutabani wa Yese alibawa ennimiro n'ennimiro ez'emizabbibu? Mu-
lowooza alibafuula abaduumizi b'enkumi n'abaduumizi b'ekikumi?
8 Kyemuvudde mundyamu olukwe mwenna? Tewali n'omu ku mmwe
eyantegeeza mutabani wange ng'akola endagaano ne mutabani wa Yese.
Tewali n'omu ku mmwe afaayo okuntegeeza nga mutabani wange awagira
omuweereza wange okunteega, nga bw'akoze leero."
9 Naye Dowegi Omwedomu eyali ayimiridde awamu n'abaserikale ba
Sawulo n'ayogera nti, "Nalaba mutabani wa Yese ng'agenda eri Akimereki
mutabani wa Akitubu e Nobu.
10 Akimereki yamubuuliza eri MUKAMA, era n'amuwa n'ebikozesebwa
n'ekitala kya Goliyaasi Omufirisuuti."
11 Awo kabaka n'atumya kabona Akimereki mutabani wa Akitubu
n'ennyumba ya kitaawe yonna, bakabona abaali e Nobu, bonna ne bajja
eri kabaka.
12 Sawulo n'ayogera nti, "Wuliriza kaakano, mutabani wa Akitubu."
N'addamu nti, "Mpuliriza mukama wange."
13 Sawulo n'amubuuza nti, "Lwaki weekobaana ne mutabani wa Yese,
n'omuwa emigaati n'ekitala, n'omubuuliza n'eri Katonda, alyoke, anteege
angolokokereko, nga bw'akoze leero?"
14 Awo Akimereki n'addamu kabaka nti, "Ani ku baddu bo bonna
eyenkana Dawudi, mukoddomi wa kabaka, omuduumizi wo ow'oku
ntikko aduumira ekibinja ekikukuuma, era assibwamu ennyo ekitiibwa
mu nnyumba yo?
15 Olowooza nti ku lunaku olwo gwe gwali omulundi ogusooka oku-
mubuuliza eri Katonda? Nedda! Kabaka aleme okuvunaana omuweereza
wo newaakubadde omuntu yenna ow'omu nnyumba ya kitange, kubanga
omuweereza wo talina n'ekimu ky'amanyi ku nsonga eyo."
16 Naye kabaka n'ayogera nti, "Mazima tooleme kufa, ggwe Akimereki,
n'ennyumba ya kitaawo yonna."
17 Awo kabaka n'alagira abaserikale abaali bamuyimiridde okumpi, nti,
"Mutte bakabona ba MUKAMA, kubanga nabo bassa kimu ne Dawudi.
Baategeera ng'adduka, naye ne batantegeeza."
Naye ne wataba n'omu ku baserikale ba kabaka eyayaŋŋanga okugolola
omukono gwe okutta bakabona ba MUKAMA.
18 Awo kabaka n'alyoka alagira Dowegi nti, "Ggwe bakkeeko obatte."
Awo Dowegi Omwedomu n'abakkako n'abatta, era olunaku olwo n'atta

* **22:3** Omu ku bajjajja ba Dawudi yali Mumowaabu (Lus 1:22; 4:17-22).

abasajja kinaana mu bataano abaayambalanga ekkanzu ey'obwakabona eza bafuta.
19 N'atta n'ekitala abatuuze bonna ab'e Nobu, abasajja, n'abakazi, n'abaana abatoototo, n'abaana abawere, era n'ente, n'endogoyi, n'endiga ebyali mu kibuga kya bakabona.
20 Naye Abiyasaali omu ku batabani ba Akimereki, muzzukulu wa Akitubu n'awona n'addukira eri Dawudi.
21 Abiyasaali n'ategeeza Dawudi nga Sawulo bwe yali asse bakabona ba MUKAMA.
22 Awo Dawudi n'agamba Abiyasaali nti, "Namanya ku lunaku olwo, Dowegi Omwedomu bwe yaliiyo, nga ddala alibuulira Sawulo. Omusango gwange kubanga nze naleetera ennyumba ya kitaawo yonna okuttibwa.
23 Sigala nange, totya, kubanga omusajja anoonya obulamu bwo anoonya n'obwange. Ojja kuba bulungi ng'oli wamu nange."

# 23

*Dawudi Awonya Keyira*

1 Awo Dawudi bwe yategeezebwa nti, "Laba, Abafirisuuti balwana ne Keyira, era banyagulula amawuuliro,"
2 ne yeebuuza ku MUKAMA nti, "Ŋŋende nnumbe Abafirisuuti abo?" MUKAMA n'amuddamu nti, "Genda olumbe Abafirisuuti owonye Keyira."
3 Naye abasajja ba Dawudi ne bamugamba nti, "Wano mu Yuda tuli mu ntiisa. Naye ate bwe tuligenda e Keyira okulwanyisa Abafirisuuti, kiriba kitya?"
4 Dawudi n'addayo nate okwebuuza ku MUKAMA. MUKAMA n'amuddamu nti, "Golokoka oserengete e Keyira, kubanga ŋŋenda kuwaayo Abafirisuuti mu mukono gwo."
5 Awo Dawudi n'abasajja be ne balaga e Keyira, ne balwana n'Abafirisuuti, ne batwala ente zaabwe, era ne batta bangi ku bo. Dawudi n'awonya abatuuze b'e Keyira.
6 Mu biro ebyo Abiyasaali mutabani wa Akimereki bwe yaddukira eri Dawudi e Keyira, yagenda ne kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.

*Sawulo Ayigga Dawudi*

7 Sawulo n'ategeezebwa nti Dawudi agenze e Keyira, n'ayogera nti, "Katonda awaddeyo Dawudi mu mukono gwange, kubanga Dawudi yesibiddeyo, bw'ayingidde mu kibuga ekiriko wankaaki ow'emitayimbwa."
8 Awo Sawulo n'akuŋŋaanya amaggye ge gonna okweteekerateekera olutalo, n'aserengeta e Keyira okuzingiza Dawudi ne basajja be.
9 Dawudi n'ategeera nga Sawulo ateekateeka okumukola akabi, n'agamba Abiyasaali kabona nti, "Leeta ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi wano."
10 Awo Dawudi n'ayogera nti, "Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri, omuweereza wo awuliridde ddala Sawulo bw'ateekateeka okujja okusaanyaawo ekibuga Keyira ku lwange.
11 Abatuuze b'e Keyira balimpaayo gy'ali? Era Sawulo anaaserengeta n'ajja, ng'omuweereza wo bw'awulidde? Ayi MUKAMA, Katonda wa Isirayiri, nkwegayiridde, tegeeza omuweereza wo."
MUKAMA n'amugamba nti, "Aliserengeta."
12 Dawudi n'addamu n'abuuza nti, "Abasajja b'e Keyira balimpaayo nze n'abasajja bange eri Sawulo?"
MUKAMA n'amuddamu nti, "Balibawaayo gy'ali."

13 Awo Dawudi n'abasajja be, abawera nga lukaaga ne bava e Keyira, ne batambulatambulanga wano ne wali nga tebalina kifo kyankalakkalira. Sawulo bwe yategeezebwa nga Dawudi adduse okuva mu Keyira, n'atagendayo.

14 Dawudi n'abeera mu bifo eby'eddungu, mu nsi ey'ensozi mu ddungu ery'e Zifu. Sawulo n'anoonyanga Dawudi buli lunaku, naye Katonda n'atamuwaayo mu mukono gwe.

15 Dawudi ng'ali mu ddungu ery'e Zifu mu kibira ky'e Kolesi, n'ategeera nga Sawulo amunoonya okumutta.

16 Awo Yonasaani mutabani wa Sawulo n'agenda eri Dawudi mu kibira, Kolesi, okumugumya mu MUKAMA.

17 N'amugamba nti, "Totya, kubanga kitange Sawulo talikukola kabi n'akamu. Gwe oliba kabaka wa Isirayiri, nze ne mbeera omumyuka wo, era n'ekyo kitange akimanyi."

18 Awo bombi ne bakola endagaano mu maaso ga MUKAMA, n'oluvannyuma Yonasaani n'addayo ewuwe, Dawudi n'asigala mu kibira.

19 Awo ab'e Zifu ne bambuka eri Sawulo e Gibea ne bamutegeeza nti, "Okimanyi nga Dawudi yeekwese mu ffe mu kibira ky'e Kolesi, ku lusozi Kakira oluli ku luuyi olw'obukiikaddyo obwa Yesimoni?

20 Kaakano, ayi kabaka, serengeta mu bbanga lyonna ly'onoosiima, tujja kumuwaayo gy'oli."

21 Sawulo n'abaddamu nti, "MUKAMA abawe omukisa, olw'okunkwatirwa ekisa.

22 Mugende mweyongere okwetegereza, mumanye, mulabe n'ebifo gy'atera okutambulira, n'abamulabayo, kubanga bantegeeza nti mujagujagu nnyo.

23 Noolwekyo munoonye mu bifo mwe yeekweka munkomezeewo amawulire amakakafu. Bw'anaabeera mu kitundu ekyo eky'ensi nnaagenda nammwe munoonye mu bika byonna ebya Yuda."

24 Awo ne bagolokoka ne bakulemberamu Sawulo ne bagenda e Zifu. Mu biro ebyo Dawudi n'abasajja be baali mu ddungu ery'e Mawoni mu Alaba ku luuyi olw'obukiikaddyo obwa Yesimoni.

25 Awo Sawulo n'abasajja be ne bagenda okumunoonya. Dawudi n'akiwulira, kyeyava aserengeta awali olwazi mu ddungu ery'e Mawoni n'abeera eyo. Sawulo bwe yakiwulira n'agenda mu ddungu ery'e Mawoni okumunoonya.

26 Sawulo n'ayambukira ku luuyi olumu olw'olusozi, Dawudi ne basajja be ne bambukira ku luuyi olulala, nga banguwa okudduka Sawulo. Naye Sawulo ne basajja be bwe baali nga banaatera okuzingiza Dawudi n'abasajja be,

27 ne wajja omubaka eri Sawulo ng'agamba nti, "Yanguwako! Abafirisuuti balumbye ensi."

28 Awo Sawulo n'alekayo okunoonya Dawudi, n'agenda okulwanyisa Abafirisuuti. Ekifo ekyo kyekyava kituumibwa Serakammalekosi.

29 Awo Dawudi n'avaayo n'agenda n'abeera mu bifo ebya Engedi.

# 24

*Dawudi Asaasira Sawulo n'atamutta*

1 Awo Sawulo bwe yakomawo ng'ava okugoba Abafirisuuti, ne bamutegeeza nti, "Dawudi ali mu ddungu erya Engedi."

2 Sawulo n'alonda abasajja enkumi ssatu okuva mu Isirayiri yenna,
n'agenda nabo okunoonya Dawudi n'abasajja be, ku luuyi olw'enjazi
embulabuzi gye Zaabeeranga.
3 Sawulo n'atuuka okumpi n'awaali ebisibo by'endiga ebyali ku mabbali
g'ekkubo, n'alaba empuku, n'ayingira omwo okuwummulako. Dawudi
n'abasajja be baali mu mpuku omwo mu bifo ebikomererayo.
4 Awo abasajja ba Dawudi ne bamugamba nti, "Luno lwe lunaku
MUKAMA lwe yayogerako bwe yagamba nti, 'Ndiwaayo omulabe wo mu
mukono gwo, omukole nga bw'osiima.' " Dawudi n'asooba mpola n'asala
ku kirenge ky'ekyambalo kya Sawulo.
5 Naye oluvannyuma Dawudi n'awulira okulumirizibwa mu mutima
olw'okusala ku kirenge ky'ekyambalo kya Sawulo.
6 N'agamba abasajja be nti, "Kikafuuwe, nze okukola mukama wange
ekintu ekifaanana bwe kityo, MUKAMA gwe yafukako amafuta, wadde
okumugololerako omukono, kubanga MUKAMA yamufukako amafuta."
7 N'ebigambo ebyo Dawudi n'aziyiza abasajja be n'atabakkiriza ku-
lumba Sawulo. Awo Sawulo n'ava mu mpuku, n'agenda.
8 Oluvannyuma, Dawudi naye n'afuluma empuku, n'akoowoola Sawulo
ng'ayogera nti, "Mukama wange kabaka!" Awo Sawulo n'akyuka
n'atunula emabega, Dawudi n'avuunama n'akka wansi ne yeeyala ku
ttaka.
9 Dawudi n'agamba Sawulo nti, "Lwaki owuliriza eŋŋambo z'abantu
aboogera nti, 'Dawudi amaliridde okukukola akabi?'
10 Leero okirabye n'amaaso go, MUKAMA bw'akumpadde mu mukono
gwange ng'oli mu mpuku. Wabaddewo ababadde banneegayirira nkutte,
naye ne sibawuliriza. Nagambye nti, 'Sijja kugolola mukono gwange ku
mukama wange, kubanga MUKAMA yamufukako amafuta.'
11 Kitange laba, akatundu ke naggye ku kirenge ky'ekyambalo kyo.
Nasaze busazi ku kyambalo kyo naye ne sikutta. Kaakano kitegeere era
okimanye nga sikusobyanga newaakubadde okukujeemera. Sinnakusobya
newaakubadde ng'onjigganya okunzita.
12 MUKAMA alamule wakati wange naawe. MUKAMA akusasule
ng'ebikolwa ebibi byonna by'onkoze bwe biri, naye nze siriyimusa
mukono gwange ku ggwe.
13 Ng'olugero olw'ab'edda bwe baalugera nti, 'Mu babi mwe muva
akabi,' kyendiva sikuyimusiza mukono gwange.
14 Kabaka wa Isirayiri ajjiridde ani? Ani gw'oyigganya? Mbwa nfu oba
nkukunyi?
15 MUKAMA atulamule, asalewo wakati wo nange. MUKAMA atunuulire
ensonga yange andokole mu mukono gwo."
16 Awo Dawudi bwe yamala okwogera ebigambo ebyo, Sawulo n'abuuza
nti, "Eryo ddoboozi lyo, Dawudi mutabani wange?" Sawulo n'akuba
ebiwoobe.
17 N'agamba Dawudi nti, "Ggwe oli mutuukirivu okunsinga, kubanga
onsasudde bulungi, newaakubadde nga nze nkuyisizza bubi.
18 Leero ontegeezezza bw'onkoze obulungi, bw'otanzise ate nga MUKAMA
yampaddeyo mu mukono gwo.
19 Omuntu bw'asiŋŋaana omulabe we, ayinza okumuganya oku-
genda nga tamutuusizzaako bisago? Kale MUKAMA akusasule bulungi
olw'ekikolwa ky'onkoze leero.
20 Kaakano ntegeeredde ddala ng'onoobeera kabaka, era n'obwakabaka
bwa Isirayiri bulinywezebwa mu mukono gwo.

21 Kale nno ndayirira eri MUKAMA, nga tolizikiriza bazzukulu bange
newaakubadde okusaanyaawo erinnya lyange mu nnyumba ya kitange."
22 Awo Dawudi n'alayirira Sawulo. Sawulo n'addayo ewuwe, naye
Dawudi ne basajja be ne baddayo mu kifo gye baali beekwese.

# 25

*Dawudi, Nabali ne Abbigayiri*

1 Awo Samwiri n'afa, Isirayiri yenna ne bakuŋŋaana okumukungubagira. Ne bamuziika ewuwe e Laama.

Awo Dawudi n'avaayo n'aserengeta mu ddungu Palani.

2 Mu biro ebyo waaliwo omusajja omugagga ennyo mu Mawoni eyalina
eby'obugagga e Kalumeeri. Yalina endiga enkumi ssatu n'embuzi lukumi.
Byali biseera bya kusala byoya eby'endiga ze, e Kalumeeri.
3 Erinnya ly'omusajja ye yali Nabali, ne mukyala we nga ye Abbigayiri.
Yali mukyala mutegeevu era nga mulungi, nga bw'omutunuulira alabika
bulungi, naye bba Omukalebu, nga wa kkabyo kyokka nga mukalabakalaba mu mirimu gye.
4 Nabali yali ng'asala ebyoya by'endiga ze, Dawudi n'akiwulira.
5 Dawudi n'atuma abavubuka kkumi, n'abagamba nti, "Mwambuke e
Kalumeeri eri Nabali mumulamuse mu linnya lyange.
6 Mumugambe nti, Emirembe gibeere ku ggwe n'ennyumba yo, ne ku
bintu byo byonna.
7 "Mpulira nti ekiseera eky'okusala ebyoya by'endiga kituuse. Abasumba bo bwe baabeeranga awamu naffe, tetwabayisanga bubi, era
n'ebbanga lyonna lye baamala e Kalumeeri tewali na kimu ku bintu
byabwe ekyabula.
8 Buuza abaweereza bo, be bajulirwa. Noolwekyo abavubuka bange
balabe ekisa mu maaso go kubanga bazze mu kiseera eky'okukwatiramu
embaga. Nkusaba obawe kyonna ky'olinawo, oweerezeeko ne mutabani
wo Dawudi."
9 Awo abasajja ba Dawudi bwe baatuuka, ne bawa Nabali obubaka obwo
mu linnya lya Dawudi, ne balindirira.
10 Nabali n'addamu abaweereza ba Dawudi nti, "Dawudi oyo ye ani?
Mutabani wa Yese oyo ye ani? Ennaku zino abaweereza bangi badduka
ku bakama baabwe.
11 Nnyinza ntya okuddira emigaati gyange, n'amazzi, n'ennyama bye
ntekeddeteekedde abasajja bange abasala ebyoya ne mbiwa be sirina kye
mbamanyiiko?"
12 Awo abasajja ba Dawudi ne bakyuka ne baddayo ne bamutegeeza buli
kigambo nga bwe bategeezebbwa.
13 Dawudi n'agamba abasajja be nti, "Mwesibe buli muntu ekitala kye!"
Buli omu ku bo ne yeesiba ekitala kye, ne Dawudi ne yeesiba ekikye,
abasajja nga bikumi bina ne bayambuka ne Dawudi, ebikumi bibiri ne
basigala nga bakuuma eby'okukozesa.
14 Omu ku baddu ba Nabali n'agamba Abbigayiri mukyala wa Nabali nti,
"Dawudi yatuma ababaka ng'ali mu ddungu okulamusa mukama waffe
naye n'abavuma;
15 ate nga abasajja abo baali ba kisa nnyo gye tuli, era tebalina kabi ke
baatukola newaakubadde okubuza ekintu n'ekimu ku bintu byaffe bwe
twali mu ddungu nabo.

16 Baaberanga ng'ekisenge okutwetooloola emisana n'ekiro, ekiseera
kyonna kye twamala nabo nga tulunda endiga.
17 Kaakano kifumiitirizeeko, olabe ky'oyinza okukola, kubanga akabi
kajjidde mukama waffe n'ennyumba ye yonna. Musajja atabuulirirwa."
18 Awo amangwago Abbigayiri n'ayanguwa n'addira emigaati ebikumi
bibiri, n'ebita bibiri ebya wayini, n'ennyama ey'endiga ttaano ennon-
goose obulungi, n'ebigero bitaano eby'eŋŋaano ensiike, n'ebitole kikumi
eby'ezabbibu enkalu, n'ebitole ebikumi bibiri eby'ettiini, n'abiteeka ku
ndogoyi.
19 N'agamba abaweereza be nti, "Munkulemberemu, nange nzija." Naye
n'atabuulirako bba Nabali.
20 Awo bwe yali yeebagadde endogoyi ye, n'ayita kumpi n'olusozi nga
lumukweka. N'asisinkana Dawudi n'abasajja be nabo nga baserengeta
okumwolekera.
21 Dawudi yali yakamala okwogera nti, "Nakuumira bwereere ebintu
byonna eby'omusajja ono bwe byali mu ddungu ne wataba na kimu
ekyabula; bw'atyo bw'ansasudde, obubi olw'obulungi.
22 Kale Katonda akole bw'atyo abalabe ba Dawudi n'okukirawo, enkeera
bwe wanaabaawo omusajja we n'omu anaasigala nga mulamu."
23 Awo Abbigayiri bwe yalengera Dawudi, n'ayanguwa okuva ku ndogoyi
ye, n'avuunama mu maaso ga Dawudi.
24 N'agwa ku bigere bye n'ayogera nti, "Mukama wange omusango
gubeere ku nze nzekka. Nkwegayiridde leka omuweereza wo ayogere
naawe; wuliriza omuweereza wo ky'anaayogera.
25 Mukama wange aleme okussa omwoyo ku musajja omusirusiru
oyo Nabali, kubanga n'erinnya lye litegeeza musirusiru, atambulira mu
busirusiru bwe. Naye nze omuweereza wo, ssaalabye bavubuka mukama
wange be watumye.
26 "Kale nno mukama wange, nga Mukama bw'ali omulamu, akubedde
obutayiwa musaayi newaakubadde obutawalana ggwanga n'omukono
gwo, era naawe bw'oli omulamu, abalabe bo, n'abo abakuyigganya bonna
mukama wange babeere nga Nabali.
27 Era n'ekirabo kino omuweereza wo ky'aleetedde mukama wange
kiweebwe abavubuka abatambula ne mukama wange.
28 Nkwegayiridde osonyiwe ekyonoono kw'omuweereza wo,
era Mukama talirema kuzimbira mukama wange obwakabaka
obw'enkalakkalira, kubanga mukama wange alwana entalo za Mukama.
Waleme okulabika ekikolwa ekikyamu kyonna mu ggwe ennaku zonna
ez'obulamu bwo.
29 Ne bwe walibaawo omuntu yenna alikulumba okukuyigganya okut-
wala obulamu bwo, obulamu bwa mukama wange bukuumibwenga
Mukama Katonda wo mu lulyo olw'abalamu. Naye obulamu bw'abalabe
bo alibuvuumuula ng'ejjinja bwe liva mu nvuumuulo.
30 Awo Mukama bw'alikolera mukama wange ebirungi byonna bye
yamusuubiza, era n'amufuula okuba omukulembeze wa Isirayiri,
31 mukama wange talibeera na kulumirizibwa mu mutima olw'okuyiwa
omusaayi awatali nsonga, wadde okwewalanira eggwanga. Era Mukama
bw'alikukolera ebirungi mukama wange, ojjukiranga omuweereza wo."
32 Awo Dawudi n'agamba Abbigayiri nti, "Mukama Katonda wa Isirayiri
atenderezebwe, akutumye okujja okunsisinkana leero.
33 Akuwe omukisa oyo akubedde okusalawo obulungi, era akubedde
okundabula obutayiwa musaayi leero n'obuteewalanira ggwanga.

34 Kubanga mazima ddala nga MUKAMA Katonda wa Isirayiri bw'ali omulamu, ambedde obutakukolako kabi, singa toyanguye kujja kunsisinkana, tewandibadde musajja n'omu owa Nabali eyandiwonyeewo, obudde we bwandikeeredde enkya."

35 Awo Dawudi n'akkiriza okutwala Abbigayiri bye yaleeta, n'ayogera nti, "Genda ewuwo mirembe. Mpulidde ebigambo byo, era nzikkirizza okwegayirira kwo."

36 Awo Abbigayiri bwe yaddayo eri Nabali, n'amusanga ng'ali mu nnyumba, era ng'akoze embaga, ng'eya kabaka. Yali asanyuukiridde nnyo, era ng'atamidde, kyeyava tamunyega ku olwo, okutuusa enkeera.

37 Awo bwe bwakya, Nabali omwenge nga gumuweddeko, mukyala we n'amutegeeza ebigambo ebyo byonna, naye omutima gwe ne gukakanyala, ne guba ng'ejjinja.

38 Oluvannyuma lw'ennaku nga kkumi, Nabali n'afa ekikutuko.

39 Awo Dawudi bwe yawulira Nabali ng'afudde, n'ayogera nti, "MUKAMA yeebazibwe anwaniridde, Nabali olw'obubi bwe yankola. MUKAMA ambedde, era akuumye omuweereza we obutakola kikyamu, n'ateeka ebikolwa bya Nabali ebibi ku mutwe ggwe."

Awo Dawudi n'atumira Abbigayiri, n'amusaba afuuke mukazi we ng'amusaba okumuwasa.

40 Abaweereza ba Dawudi ne bagenda e Kalumeeri ne bagamba Abbigayiri nti, "Dawudi atutumye tukutwale omufumbirwe."

41 N'avuunama amaaso ge n'ayogera nti, "Laba omuweereza wo mweteefuteefu okunaazanga ebigere by'abaweereza ba mukama wange."

42 Awo Abbigayiri n'ayanguwa okwebagala endogoyi, ng'awerekeddwako abaweereza bataano, n'agenda n'ababaka ba Dawudi, n'amufumbirwa.

43 Dawudi yali awasizza ne Akinoamu* ow'e Yezuleeri, era bombi ne baba bakyala be.

44 Kyokka Sawulo yali agabidde muwala we Mikali, eyali mukyala wa Dawudi, Paluti mutabani wa Layisi ow'e Galimu.

# 26

### *Dawudi Agaana Omulundi Ogwokubiri Okutta Sawulo*

1 Awo ab'e Zifu ne bagenda eri Sawulo e Gibea ne bamugamba nti, "Olowooza nga Dawudi teyeekwese ku lusozi Kakira, ku luuyi olw'ebuvanjuba olwolekera eddungu Yesimoni?"

2 Awo Sawulo n'abasajja abolondemu enkumi ssatu aba Isirayiri, ne bagolokoka ne baserengeta mu ddungu ery'e Zifu, okunoonya Dawudi.

3 Sawulo n'asiisira ku mabbali g'ekkubo ku lusozi Kakira okwolekera eddungu, naye Dawudi n'asigala mu ddungu. Awo bwe yalaba Sawulo ng'amugoberedde mu ddungu,

4 n'atuma abakessi okukakasiza ddala obanga Sawulo yali atuuse.

5 Dawudi n'agolokoka n'agenda mu kifo Sawulo we yali asiisidde. N'alaba Sawulo ne Abuneeri mutabani wa Neeri omuduumizi w'eggye, we baali beebase. Sawulo yali yeebase wakati mu lusiisira, ng'eggye limwetoolodde.

---

* **25:43** Akinoamu ye yali mukyala wa Dawudi eyasooka (27:3) era ye nnyina wa mutabani we omukulu ayitibwa Amunooni

6 Awo Dawudi n'abuuza Akimereki Omukiiti ne Abisaayi muganda wa
Yowaabu, mutabani wa Zeruyiya* nti, "Ani anaaserengeta nange, tugende
mu lusiisira lwa Sawulo?" Abisaayi n'addamu nti, "Nze n'aserengeta
naawe."
7 Awo Dawudi ne Abisaayi ne bagenda mu lusiisira ekiro, ne basanga
Sawulo nga yeebase wakati mu lusiisira, effumu lye nga lisimbiddwa
mu ttaka emitwetwe we. Abuneeri n'abaserikale baali beebase okumwe-
tooloola.
8 Abisaayi n'agamba Dawudi nti, "Leero, Katonda awaddeyo omulabe
wo mu mukono gwo. Kale nno mpa olukusa mmufumitire wansi awo
n'effumu. Siimufumite gwakubiri."
9 Naye Dawudi n'addamu Abisaayi nti, "Tomuzikiriza, kubanga ani
ayinza okugolola omukono gwe okutta oyo MUKAMA gwe yafukako
amafuta, n'ataba na musango?
10 MUKAMA nga bw'ali omulamu, MUKAMA yennyini yali mukuba. Luliba
lumu, olunaku lwe lulituuka n'afa, oba aligenda mu lutalo n'azikiririra
eyo.
11 Kikafuuwe nze okugolola omukono gwange okutta oyo MUKAMA
gwe yafukako amafuta. Naye ddira effumu n'eccupa ey'amazzi ebiri
emitwetwe we obisitule tugende."
12 Awo Dawudi n'aggyawo effumu n'eccupa ey'amazzi ebyali emitwetwe
wa Sawulo ne bagenda. Tewali yabalaba newaakubadde okukitegeera,
wadde okusisimuka, kubanga bonna MUKAMA yali abeebasiza otulo tungi
nnyo.
13 N'oluvannyuma Dawudi n'asomoka n'agenda emitala, n'ayimirira
walako ku ntikko ey'olusozi, nga wakati waabwe waliwo ekibangirizi
kinene.
14 N'akoowoola eggye ne Abuneeri mutabani wa Neeri ng'ayogera nti,
"Tonziremu gwe Abuneeri?" Abuneeri n'addamu nti, "Ggwe ani alangiriza
kabaka?"
15 Awo Dawudi n'agamba Abuneeri nti, "Oli musajja muzira, si bwe kiri?
Ani akwenkana mu Isirayiri? Kiki ekyakulobedde okukuuma obulungi
mukama wo kabaka? Kubanga waabaddewo omuntu eyazze okuzikiriza
mukama wo kabaka.
16 Ekyo kye wakoze si kirungi. Nga MUKAMA bw'ali omulamu, ggwe
n'abasajja bo musaana kufa, olw'obulagajjavu bwammwe, kubanga
temwakuumye mukama wammwe, MUKAMA gwe yafukako amafuta. Mu-
tunule mwetegereze; effumu lya kabaka n'eccupa ey'amazzi ebyabadde
emitwetwe wa kabaka biri ludda wa?"
17 Sawulo n'ategeera nga ddoboozi lya Dawudi, n'abuuza nti, "Ye ggwe
mutabani wange Dawudi?" Dawudi n'addamu nti, "Ye nze mukama
wange kabaka."
18 Dawudi n'amubuuza nti, "Lwaki oyigganya omuweereza wo? Nakola
ki, era musango ki gwe nazza?
19 Kaakano nno, mukama wange kabaka wuliriza ebigambo
by'omuweereza wo. Obanga MUKAMA ye yakusindise okunjigganya,
akkirize ekiweebwayo. Naye bwe baba nga baana ba bantu, bakolimirwe
mu maaso ga MUKAMA, kubanga leero bangobye nneme okugabana mu

* **26:6** Zeruyiya ye yali mwannyina Dawudi omukulu (1By 2:16). Noolwekyo Abisaayi, ne Yowaabu (eyafuuka omuduumizi w'eggye kya Dawudi) ne Asakeri baali batabani be (2Sa 2:18).

busika bwa MUKAMA nga bagamba nti, ‘Genda oweereze bakatonda abalala.’
20 Kale nno omusaayi gwange guleme okuyiyibwa wansi ewala MUKAMA gy’atabeera. Kabaka wa Isirayiri avuddeyo okunoonya enkukunyi, ng’omuntu bwe yandiyizze enkwale mu nsozi.”

21 Awo Sawulo n’ayogera nti, “Nnyonoonye. Komawo mutabani wange Dawudi. Sigenda kuddamu kugezaako kukukolako kabi n’akamu, kubanga leero ondaze, obulamu bwange bwe buli obw’omuwendo mu maaso go. Laba neeyisizza ng’omusirusiru, era nnyonoonye ekiyitiridde.”

22 Dawudi n’addamu nti, “Effumu lya kabaka liirino. Tuma omu ku bavubuka bo ajje aliddukire.
23 MUKAMA asasula buli muntu ng’obutuukirivu bwe n’obwesigwa bwe, bwe biri. MUKAMA yakuwaddeyo mu mukono gwange leero, naye ne sigolola mukono gwange ku oyo MUKAMA gwe yafukako amafuta.
24 Nga bwe mbaliridde obulamu bwo okuba obw’omuwendo leero, kale obulamu bwange bubeere bwa muwendo mu maaso ga MUKAMA, era andokole mu bizibu byonna.”

25 Awo Sawulo n’addamu nti, “Oweebwe omukisa mutabani wange Dawudi. Olikola ebintu ebikulu bingi era oliraba omukisa mu byo.”

Awo Dawudi n’agenda amakubo ge, ne Sawulo ne yeddirayo ewuwe.

# 27

### *Dawudi Asenga mu Bafirisuuti*

1 Dawudi n’afumiitiriza mu mutima gwe ng’agamba nti, “Luliba lumu Sawulo n’anzita. Ekisinga obulungi kwe kuddukira mu nsi y’Abafirisuuti. Awo nno Sawulo anaalekeraawo okunnoonyeza mu Isirayiri, era bwe ntyo bwe nzija okumuwona.”

2 Awo Dawudi n’abasajja lukaaga ne basitula ne bagenda eri kabaka Akisi mutabani wa Mawoki ow’e Gaasi.
3 Dawudi n’abasajja be ne basenga mu Gaasi ewa Akisi, buli musajja ne nnyumba ye yonna, ne Dawudi n’abakyala be bombi, Akinoamu Omuyezuleeri ne Abbigayiri Omukalumeeri, nnamwandu wa Nabali.
4 Awo Sawulo bwe yategeezebwa nga Dawudi yaddukira e Gaasi n’alekeraawo okumunoonya.

5 Awo Dawudi n’agamba Akisi nti, “Obanga ndabye ekisa mu maaso go, wabeewo ekifo ekiba kimpebwa mu kimu ku bibuga ebitonotono, ntuule eyo. Lwaki omuweereza wo abeera naawe mu kibuga ekikulu eky’obwakabaka?”

6 Awo ku lunaku olwo, Akisi n’amuwa Zikulagi, era kyekyava kibeera ekibuga kya bakabaka ba Yuda, n’okutuusa leero.
7 Dawudi n’abeera mu nsi ey’Abafirisuuti okumala omwaka gumu n’emyezi ena.
8 Mu bbanga eryo, Dawudi n’abasajja be ne bambuka ne balumba Abagesuli, n’Abagiruzi, n’Abamaleki. Okuva edda n’edda abo be bantu abaabeeranga mu nsi eyo okuva e Suuli okutuuka e Misiri.
9 Dawudi buli lwe yalumbanga ekitundu, teyalekangawo musajja newaakubadde omukazi, naye yatwalanga endiga, n’ente, endogoyi n’eŋŋamira, n’engoye; n’oluvannyuma n’addayo eri Akisi.

10 Awo Akisi yamubuuzanga nti, “Leero walumbye wa?” Dawudi yaddangamu nti, “Ebukiikaddyo obwa Yuda,” oba nti, “Ebukiikaddyo obw’Abayerameeri*,” oba nti, “Ebukiikaddyo obw’Abakeeni†.”
11 Teyalekangawo musajja newaakubadde omukazi nga mulamu okubaleeta e Gaasi, kubanga yalowooza nti, “Bakyayinza okutuloopa, nga boogera nti, ‘Dawudi akola kino na kino.’ ” Era eyo ye yali ng’empisa ye, ebbanga lyonna lye yabeera mu nsi ey’Abafirisuuti.
12 Akisi ne yeesiga Dawudi, n’ayogera mu mutima gwe nti, “Alabika yeetamiddwa abantu be Abayisirayiri, kale kyanaava afuuka omuweereza wange emirembe gyonna.”

# 28

*Sawulo n’Omulabi w’e Endoli*

1 Mu biro ebyo Abafirisuuti ne bakuŋŋaanya amaggye gaabwe okulwana
ne Isirayiri. Akisi n’agamba Dawudi nti, “Kimanye nga ggwe ne basajja
bo munaneegattako, tugende mu lutalo.”
2 Dawudi n’ayogera nti, “Olwo nno ojja kwerabirako omuweereza wo
kyayinza okukola.” Akisi n’addamu nti, “Weewaawo, nzija kukufuula
omukuumi wange ow’oku lusegere ennaku zonna ez’obulamu bwange.”
3 Mu biro ebyo Samwiri yali amaze okufa, nga ne Isirayiri yenna
bamukungubagidde, era nga yaggwa n’okuziikibwa mu kibuga ky’e
Laama. Era Sawulo yali agobye abafumu n’abalogo okuva mu nsi.
4 Awo Abafirisuuti ne bakuŋŋaana, ne basiisira e Sunemu, ate Sawulo
ye n’akuŋŋaanya Abayisirayiri bonna ne basiisira e Girubowa.
5 Awo Sawulo bwe yalaba eggye ery’Abafirisuuti, n’atya, emmeeme
n’emutyemuka.
6 Ne yeebuuza ku Mukama, naye Mukama n’atamwanukula mu birooto,
newaakubadde mu kwolesebwa kwa Katonda eri bakabona oba okuyita
mu bannabbi.
7 Awo Sawulo n’agamba abaweereza be nti, “Munnoonyezeeyo omukazi
omufumu, ŋŋende mmwebuuzeeko.”
Ne bamugamba nti, “Waliwo ali Endoli.”
8 Awo Sawulo n’ayambala engoye ezitali za bwakabaka ne yeebuzaabuza
n’alaga ew’omukazi, ye n’abasajja abalala babiri. N’ayogera nti, “Ndagula,
ombuulize omwoyo era onyimusize gwe nnaayogera erinnya.”
9 Naye omukazi n’amugamba nti, “Omanyi bulungi Sawulo kye yakola,
bwe yazikiriza era n’agoba abafumu n’abalogo mu nsi. Kale lwaki oteeka
obulamu bwange mu katego n’oyagala okunzisa?”
10 Sawulo n’amulayirira eri Mukama ng’agamba nti, “Amazima ddala,
nga Mukama bw’ali omulamu, tolibonerezebwa olwa kino.”
11 Awo omukazi n’amubuuza nti, “Ani gwe mba nkuyimusiza?”
N’addamu nti, “Nyimusiza Samwiri.”
12 Omukazi bwe yalaba Samwiri, n’ayogerera waggulu, n’agamba
Sawulo nti, “Lwaki onimbye? Ggwe Sawulo!”
13 Awo kabaka n’amugamba nti, “Totya. Kiki ky’olaba?” Omukazi
n’addamu nti, “Ndaba omwoyo nga guyimuka okuva mu ttaka.”
14 Sawulo n’amubuuza nti, “Gufaanana ani?” N’addamu nti, “Omusajja
omukadde nga yeebisseeko omunagiro y’avaayo.” Awo Sawulo n’ategeera
nga ye Samwiri, n’avuunama amaaso ge, ne yeeyala ku ttaka.

* **27:10** Abayerameeri baali bazzukulu ba Yuda nga bava mu Kezulooni (1By 2:9, 25, 26) † **27:10** Laba mu Bal 4:11

15 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti, "Lwaki ontawanyizza n'onnyimusa?"

Sawulo n'addamu nti, "Nnina ennaku nnyingi nnyo, kubanga Abafirisuuti bannwanyisa, ate Katonda anvuddeko. Takyanziramu ng'ayita mu bannabbi newaakubadde mu birooto. Kyenvudde nkukoowoola ombuulire eky'okukola."

16 Samwiri n'amubuuza nti, "Ombuuliza ki, MUKAMA ng'amaze okukuvaako n'okufuuka omulabe wo?

17 MUKAMA atuukirizza kye yayogera ng'ayita mu nze. MUKAMA akuggyeeko obwakabaka bwo, n'abuwa omu ku baliraanwa bo, Dawudi.

18 Kubanga tewagondera MUKAMA newaakubadde okutuukiriza bye yakulagira okukola Amaleki ng'amusunguwalidde, MUKAMA kyavudde akukola kino leero.

19 MUKAMA alikuwaayo gwe n'Abayisirayiri eri Abafirisuuti, era enkya ggwe ne batabani bo munaaba nange eno gye ndi. Era MUKAMA anaawaayo eggye lya Isirayiri mu mukono gw'Abafirisuuti."

20 Awo Sawulo n'agwira ddala wansi ekigwo kya bugazi, ng'ajjudde okutya olw'ebigambo Samwiri bye yayogera. N'ataba na maanyi kubanga yali talina ky'alidde olunaku olwo lwonna n'ekiro ekyakeesa olunaku olwo.

21 Awo omukazi n'asembera okumpi ne Sawulo, n'alaba ng'atidde, n'amugamba nti, "Laba, omuweereza wo akugondedde, ne mpaayo obulamu bwange, ne nkola kye wansabye.

22 Kaakano nkwegayiridde owulirize omuweereza wo, okkirize nkuwe ku mmere olyeko ofune amaanyi okukwata olugendo lwo."

23 N'agaana n'ayogera nti, "Sijja kulya."

Naye abasajja be ne bayamba omukazi mu kukubiriza Sawulo okulya, n'abawuliriza. N'ayimuka mu ttaka n'atuula ku kitanda.

24 Omukazi yalinawo ennyana ensava, n'agiteekateeka mu bwangu. N'ateekateeka n'eŋŋaano, n'akanda obuwunga, n'afumba emigaati egitali mizimbulukuse.

25 N'alyoka abiteeka mu maaso ga Sawulo ne basajja be, ne balya. N'oluvannyuma ekiro ekyo ne bagolokoka ne beetambulira.

# 29

### *Abafirisuuti Bagaana Dawudi Okubeegattako mu Lutalo*

1 Awo Abafirisuuti ne bakuŋŋaanyiza eggye lyabwe lyonna e Afeki, n'Abayisirayiri ne basiisira ku luzzi oluli mu Yezuleeri.

2 Abakulembeze b'Abafirisuuti bwe baali nga bakumba n'ebibinja byabwe eby'ebikumi n'eby'enkumi, Dawudi n'abasajja be ne babagoberera nga babavaako emabega wamu ne Akisi.

3 Abaduumizi b'Abafirisuuti ne babuuza nti, "Ate bano Abaebbulaniya bakola ki wano?"

Akisi n'abaddamu nti, "Oyo ye Dawudi, omukungu wa Sawulo kabaka wa Isirayiri. Abadde nange okusukka mu mwaka, era okuva ku lunaku lwe yayabulira Sawulo n'okutuusa leero, sirabanga nsonga ku ye."

4 Naye abaduumizi b'Abafirisuuti ne bamunyiigira ne bamugamba nti, "Sindika omusajja oyo addeyo mu kifo kye wamuwa. Tasaanye kugenda naffe mu lutalo, si kulwa nga atwefuukira wakati mu lutalo. Olowooza waliwo ekkubo eddala erisinga lino okumusobozesa okufuna okuganja eri mukama we bw'amutwalira emitwe gy'abasajja baffe?

5 Oyo si ye Dawudi gwe baayimbangako, nga bazina, nga boogera nti,
“ ‘Sawulo asse enkumi ze,
ne Dawudi asse emitwalo gye?’ ”

6 Awo Akisi n’ayita Dawudi n’amugamba nti, “Amazima ddala nga
MUKAMA bw’ali omulamu, obadde mwesimbu era eyeesigibwa, era
nandyagadde oweerereze wamu nange mu magye. Okuva ku lunaku
lwe wajja gye ndi n’okutuusa leero sirabanga bukyamu mu ggwe, naye
abakulu tebakusiimye.

7 Noolwekyo ddayo kaakano, ogende mirembe oleme okwemuluguny-
izisa abafuzi b’Abafirisuuti.”

8 Awo Dawudi n’amubuuza nti, “Naye nkoze ki? Nsonga ki gy’olabye
etali nnungi mu muweereza wo okuva ku lunaku lwe natandika
okukuweereza n’okutuusa leero? Kiki ekindobera okugenda okulwanyisa
abalabe ba mukama wange kabaka?”

9 Akisi n’amuddamu nti, “Mmanyi nga tolina nsonga n’emu mu
maaso gange nga malayika wa Katonda, naye abaduumizi b’Abafirisuuti
bagambye nti, ‘Tosaana kugenda naffe mu lutalo.’

10 Kaakano obudde bwe bunaakya onoogolokoka ggwe wamu n’abasajja
ba mukama wo, be wazze nabo, mugende ku makya obudde nga
bwakalaba.”

11 Awo Dawudi ne basajja be ne bagolokoka ku makya nnyo ne baddayo
mu nsi ey’Abafirisuuti, Abafirisuuti bo ne bambuka e Yezuleeri.

# 30

*Dawudi Azikiriza Abamaleki*

1 Awo Dawudi ne basajja be bwe baatuuka e Zikulagi, nga wayiseewo
ennaku ssatu, baasanga Abamaleki baalumbye obukiikaddyo mu ddungu;
ne Zikulagi, baali bakikumyeko omuliro.

2 Baali batutte abakazi nga basibe, ne bonna abaalimu, abato era
n’abakulu. Tewaali n’omu ku bo gwe batta, wabula okubawamba ne
babatwala.

3 Dawudi ne basajja be bwe baatuuka mu kibuga, baasanga kyokebbwa,
era abakazi baabwe n’abaana baabwe aboobulenzi n’aboobuwala nga
nabo bawambiddwa.

4 Awo Dawudi ne bonna abaali awamu naye ne bakaaba nnyo okutuusa
lwe baggweeramu ddala agakaaba.

5 Abakyala ba Dawudi bombi, Akinoamu Omuyezuleeri ne Abbigayiri
nnamwandu wa Nabali Omukalumeeri, nabo baali babatutte.

6 Mu kiseera ekyo Dawudi n’anakuwala nnyo kubanga basajja be baali
boogera ku kumukuba amayinja, buli omu nga munyiikaavu mu mutima
olwa batabani baabwe ne bawala baabwe abaali batwalibbwa. Naye
Dawudi n’afuna amaanyi okuva eri MUKAMA Katonda we.

7 Dawudi n’agamba Abiyasaali kabona, mutabani wa Akimereki nti,
“Ndeetera ekkanzu ey’obwakabona eyitibwa efodi.” Awo Abiyasaali
n’agimuleetera.

8 Dawudi ne yeebuuza ku MUKAMA nti, “Ngoberere ekibinja ekyo,
nnaabakwata?” N’amuddamu nti, “Bagoberere, kubanga ojja kusobola
okununula abawambe bonna.”

9 Awo Dawudi n’abasajja lukaaga ne batuuka ku kagga Besoli, abamu
ku bo ne basigala awo,

10 kubanga ebikumi bibiri ku bo baali bakooye nnyo n’okuyinza nga
tebayinza kusomoka kagga. Naye Dawudi n’abalala ebikumi bina ne

banyiikira okugoberera omulabe, ebikumi ebibiri ne basigala ku kagga nga bakooye.
11 Ne basanga Omumisiri mu nnimiro ne bamuleeta eri Dawudi. Ne bamuwa amazzi okunywa, n'emmere n'alya,
12 ne bamuwa ekitole eky'ettiini n'ebirimba bibiri eby'ezabbibu enkalu. N'alya n'addamu amaanyi, kubanga yali amaze ennaku ssatu, emisana n'ekiro nga talidde ku mmere wadde okunywa ku mazzi.
13 Awo Dawudi n'amubuuza nti, "Oli w'ani era ova wa?" N'addamu nti, "Ndi Mumisiri, omuweereza w'Omwamaleki. Mmaze ennaku ssatu nga ndi mulwadde muyi era mukama wange kyeyavudde ansuula wano.
14 Twalumba obukiikaddyo obw'Abakeresi*, n'ensi ya Yuda n'obukiikaddyo obwa Kalebu, ne twokya ne Zikulagi."
15 Dawudi n'amubuuza nti, "Oyinza okuntwala eri ekibinja ekyo ekyalumbye?" N'amuddamu nti, "Ssooka ondayirire Katonda, nga tolinzita so tolimpaayo eri mukama wange, ndyoke nkuserengese gye bali."
16 N'abakulembera n'abatwalayo, era laba, nga basaasaanye mu kifo kyonna ku ttale, nga balya, nga banywa, nga bazina olw'omunyago omunene gwe baggya mu nsi ey'Abafirisuuti, ne mu nsi ya Yuda.
17 Dawudi n'atandika okubatta okuva akawungeezi okutuusa enkeera, ne watawonawo n'omu, okuggyako abavubuka ebikumi bina abeebagala eŋŋamira ne badduka.
18 Dawudi n'akomyawo byonna Abamaleki bye baali banyaze, ng'omwo mwe muli ne bakyala be ababiri abaali bawambiddwa.
19 Ne watabaawo na kimu ekyabula, oba kitono oba kinene, newaakubadde abaana aboobulenzi oba aboobuwala, n'omunyago na buli kintu kyonna ku ebyo bye baatwala. Dawudi yakomyawo buli kimu.
20 N'atwala ebisibo byonna n'amagana gonna, abasajja be ne babikulembeza ebisolo ebirala byonna, nga bwe boogera nti, "Guno gwe munyago gwa Dawudi."
21 Awo Dawudi n'addayo eri bali ebikumi ebibiri abaali bakooye ennyo, nga tebayinza kumugoberera, abaasigala ku kagga Besoli. Ne bavaayo okusisinkana Dawudi n'abantu abaali naye, n'abalamusa.
22 Naye abamu ku basajja abaagenda ne Dawudi abaali ababi n'abalala nga bafujjo, ne boogera nti, "Tetujja kugabana nabo munyago gwe twasuuzizza omulabe, kubanga tebaagenze naffe. Wabula, buli musajja addizibwe mukazi we n'abaana be agende."
23 Naye Dawudi n'addamu nti, "Nedda baganda bange, temusaana kukola bwe mutyo, Mukama by'atuwadde. Atukuumye era n'awaayo mu mukono gwaffe ekibinja ekyatulumbye.
24 Ani anaabawuliriza ku nsonga eyo? Omuntu eyagenze mu lutalo ky'anaagabana, kinaaba kyekimu n'eky'oli eyasigadde ng'akuuma ebintu ebikozesebwa. Bonna banaagabana kyenkanyi."
25 Ekyo Dawudi n'akifuula etteeka n'empisa mu Isirayiri ne leero.
26 Awo Dawudi bwe yatuuka mu Zikulagi, n'aweereza abakadde ba Yuda ebimu ku bintu eby'omunyago, abaali mikwano gye, ng'agamba nti, "Ekyo kirabo okuva ku munyago gw'abalabe ba Mukama."
27 Yakiweereza ab'e Beseri, abaali mu bukiikaddyo mu Lamosi n'ab'e Yattiri,

* **30:14** Abakeresi baali baganda b'Abafirisuuti. Oluvannyuma beegatta ku Dawudi ne balwanira wamu naye mu lutalo (2Sa 15:18; 20:7; 1Bk 1:38)

28 ab'e Aloweri, n'e Sifumosi, n'e Esutemoa;
29 n'e Lakali, n'abaali mu bibuga eby'Abayerameeri, ne mu bibuga
eby'Abakeeni;
30 n'e Koluma, n'e Kolasani n'e Asaki;
31 n'e Kebbulooni, ne bonna abaali mu bifo byonna Dawudi ne basajja
be gye baatambuliranga.

# 31

*Okufa kwa Sawulo*

1 Mu kiseera kyekimu Abafirisuuti baali balwana ne Isirayiri. Abasajja
ba Isirayiri ne badduka Abafirisuuti, bangi ku bo ne battibwa ku Lusozi
Girubowa.
2 Abafirisuuti ne banyiikira okugoberera Sawulo ne batabani be, era ne
batta Yonasaani, ne Abinadaabu ne Malukisuwa.
3 Olutalo Sawulo ne lumuba bubi, abalasi ab'obusaale ne bamuzingiza
era ne bamuleetako ekiwundu kinene.
4 Awo Sawulo n'agamba eyasitulanga ebyokulwanyisa bye nti, "Sowola
ekitala kyo onfumite, abatali bakomole abo baleme okunkwata ne bam-
bonyaabonya n'okunswaza ne banswaza." Naye eyasitulanga ebyokul-
wanyisa bye n'atya era n'agaana okukikola.
Sawulo kyeyava asowola ekitala kye ne yetta.
5 Awo eyasitulanga ebyokulwanyisa bye bwe yalaba nga Sawulo afudde,
n'asowola ekitala kye naye ne yetta.
6 Sawulo bw'atyo, ne batabani be abasatu, n'eyasitulanga ebyokulwany-
isa bye ne basajja be bonna ne bafa ku lunaku olwo lwe lumu.
7 Awo Abayisirayiri abaali emitala w'ekiwonvu n'abo abaali emitala wa
Yoludaani bwe baalaba ng'eggye lya Isirayiri lidduse nga ne Sawulo ne
batabani be abasatu bafudde, ne balekulira ebibuga byabwe ne badduka.
Abafirisuuti ne bajja ne babibeeramu.
8 Enkeera, Abafirisuuti bwe baagenda okwambula emirambo, baasanga
Sawulo ne batabani be abasatu bafiiridde ku lusozi Girubowa.
9 Ne batemako omutwe gwe ne bamwambulamu ebyokulwanyisa bye,
ne batuma ababaka mu nsi yonna ey'Abafirisuuti okulangirira mu ssabo
lyabwe, n'eri abantu baabwe.
10 Ne bateeka ebyokulwanyisa bye mu ssabo lya Baasutoleesi,
n'ekiwudduwuddu kye ne bakiwanika ku bbugwe ow'e Besusani.
11 Naye abatuuze b'e Yabesugireyaadi bwe baawulira Abafirisuuti kye
baali bakoze Sawulo,
12 abasajja abazira bonna ne bagolokoka, ne batambula ekiro kyonna
ne bagenda e Besusani. Ne bawanulayo omulambo gwa Sawulo, n'egya
batabani be ku bbugwe ow'e Besusani, ne bagitwala e Yabesi ne bagyokera
eyo.
13 N'oluvannyuma ne baddira amagumba gaabwe ne bagaziika wansi
w'omumyulimu e Yabesi, ne basiibira ennaku musanvu.

# Ekitabo Ekiyitibwa Samwiri Ekyokubiri

*Dawudi Ategeezebwa Okufa kwa Sawulo*

1 Oluvannyuma lw’okufa kwa Sawulo, Dawudi n’agenda n’abeera e
Zikulagi n’amalayo ennaku bbiri, ng’amaze okusaanyaawo Abamaleki.
2 Awo olwatuuka ku lunaku olwokusatu, ne wajja omusajja ng’ava mu
lusiisira lwa Sawulo, ng’ayuzizza ebyambalo bye, nga ne mu mutwe gwe
mulimu enfuufu. Bwe yatuuka awali Dawudi, n’avuunama ng’amuwa
ekitiibwa.
3 Dawudi n’amubuuza nti, “Ova wa?” N’amuddamu nti, “Ndi kaawon-
awo okuva mu lusiisira lwa Isirayiri.”
4 Dawudi n’ayogera nti, “Ntegeeza ebyabaddewo.” N’ayogera nti,
“Abantu badduse mu lutalo, era bangi ku bo bafudde. Sawulo ne
Yonasaani mutabani we nabo bafudde.”
5 Awo Dawudi n’agamba omuvubuka eyamutegeeza amawulire ago nti,
“Otegedde otya nga Sawulo ne mutabani we Yonasaani nabo bafudde?”
6 Omuvubuka n’amugamba nti, “Bwe nnali awo ku lusozi Girubowa, ne
ndaba Sawulo nga yeesigamye ku ffumu lye era n’amagaali n’abeebagala
embalaasi eby’omulabe nga bamucocca.
7 Awo bwe yakyusa amaaso ge n’andaba, n’ankowoola, ne muddamu
nti, ‘Nkukolere ki?’
8 “N’ambuuza nti, ‘Ggwe ani?’
“Ne muddamu nti, ‘Ndi Mwamaleki.’
9 “N’alyoka aŋŋamba nti, ‘Nnyimirirako onzite! Ndi mu masaŋŋanzira
ag’okufa newaakubadde nga ndabika ng’akyalimu obulamu.’
10 “Kyennava muyimirirako ne mutta, kubanga n’ategeera nga
takyalamye. Ne ntwala engule eyali ku mutwe gwe n’ekikomo ekyali ku
mukono gwe, era biibino mbireetedde mukama wange.”
11 Awo Dawudi n’abasajja bonna be yali nabo, ne bayuza ebyambalo
byabwe.
12 Ne bakaaba, ne bakungubaga ne basiiba okutuusa akawungeezi ku
lwa Sawulo ne Yonasaani mutabani we; ne ku lw’eggye lya MUKAMA, ne
ku lw’ennyumba ya Isirayiri; kubanga bonna baali bafudde n’ekitala.
13 Awo Dawudi n’agamba omuvubuka eyamutegeeza amawulire ago
nti, “Ova wa?” N’addamu nti, “Ndi mwana wa munnaggwanga,
Omwameleki.”
14 Dawudi n’amugamba nti, “Lwaki tewatya kuzikiriza omuntu MUKAMA
gwe yafukako amafuta?”
15 Awo Dawudi n’ayita omu ku basajja be, n’amugamba nti, “Mutte.”
N’amufumita n’amutta.
16 Dawudi n’amugamba nti, “Omusaayi gwo gubeere ku mutwe gwo,
kubanga akamwa ko ye mujulirwa ng’oyogera nti, ‘Nnatta oyo MUKAMA
gwe yafukako amafuta.’ ”

*Dawudi Akungubagira Sawulo ne Yonasaani*

17 Dawudi n’akungubagira Sawulo ne Yonasaani mutabani we,

18 n'alagira abantu ba Isirayiri bayigirizibwe oluyimba olw'omutego
olw'okukungubaga olwawandiikibwa mu kitabo kya Yasali. Olugamba nti,
19 "Ekitiibwa kyo, ayi Isirayiri, kifiiridde ku nsozi zo!
Ab'amaanyi nga bagudde!

20 "Temukyogeranga mu Gaasi,*
temukyatuliranga mu nguudo za Asukulooni,†
abawala b'Abafirisuuti baleme okusanyuka,
abawala b'abatali bakomole baleme okujaguza.

21 "Mmwe ensozi za Girubowa,
muleme okugwibwako omusulo newaakubadde enkuba,
newaakubadde ennimiro okumeramu ensigo.
Kubanga eyo engabo‡ ey'ab'amaanyi gye yanyoomerwa
n'engabo ya Sawulo, gye yafuukira ng'etafukibwangako mafuta.
22 Omutego gwa Yonasaani tegwaddanga mabega
n'ekitala kya Sawulo tekyaddanga nga kikalu,
olw'okubuna omusaayi gw'abattibwanga,
n'amasavu g'ab'amaanyi.

23 "Sawulo ne Yonasaani, mu bulamu bwabwe baali baagalwa nnyo era
baali baakisa,
ne mu kufa tebaayawukana.
Baali bangu okusinga empungu,
era baali b'amaanyi n'okusinga empologoma.

24 "Mmwe abawala ba Isirayiri,
mukaabire Sawulo,
eyabambaza engoye ezinekaaneka ez'okwesiima,
eyabambaza ebyambalo ebyatonebwa ne zaabu.

25 "Ab'amaanyi nga bagudde wakati mu lutalo!
Yonasaani attiddwa ku nsozi zammwe.
26 Nnumwa nnyo ku lwa muganda wange Yonasaani,
kubanga wali mukwano gwange ddala.
Okwagala kwe wanjagala kwali kwa kitalo,
nga kwa kitalo n'okusinga okw'abakyala.

27 "Ab'amaanyi nga bagudde,
n'ebyokulwanyisa nga bizikiridde!"

# 2

## *Dawudi Afukibwako Amafuta Okuba Kabaka wa Yuda*

1 Oluvannyuma lw'ebyo Dawudi ne yeebuuza ku MUKAMA nti, "Nyambuke mu kimu ku bibuga bya Yuda?"
MUKAMA n'amuddamu nti, "Yambuka."
N'abuuza nate nti, "Ŋŋende mu kiruwa?"

---

* **1:20** Gaasi kyali kibuga ky'Abafirisuuti † **1:20** Asukulooni kyali kibuga by'Abafirisuuti. ‡ **1:21** Engabo zaakolebwanga mu maliba, ne gasiigibwako amafuta ag'omuzeeyituuni. Omuzigo gwe gwagikuumanga obutavunda, ate era ne guziyiza n'obusaale okuyitamu mu ngabo. Engabo ezoogerebwako wano zaali zisaabye omusaayi nga tezikyayinzika kukozesebwa mu ntalo.

MUKAMA n'amuddamu nti, "E Kebbulooni."
2 Awo Dawudi n'agenda eyo ne bakyala be bombi, Akinoamu
Omuyezuleeri ne Abbigayiri nnamwandu wa Nabali ow'e Kalumeeri.
3 Dawudi n'atwala n'abasajja abaali naye, buli muntu n'amaka ge, ne
basenga mu Kebbulooni ne mu byalo byakyo.
4 Awo abantu ba Yuda ne bajja mu Kebbulooni, ne bafukirako eyo
Dawudi amafuta okuba kabaka w'ennyumba ya Yuda.
Dawudi n'ategeezebwa nti abantu ab'e Yabesugireyaadi be baaziika
Sawulo,
5 n'abatumira ababaka okubagamba nti, "MUKAMA abawe omukisa
olw'ekisa n'ekitiibwa bye mwalaga Sawulo mukama wammwe ne mu-
muziika.
6 MUKAMA abalage ekisa n'okwagala, nange ndibalaga ky'ekimu
olw'ekyo kye mukoze.
7 Noolwekyo kyemunaava mubeera ab'amaanyi era abavumu, kubanga
oluvannyuma olw'okufa kwa Sawulo mukama wammwe, ennyumba ya
Yuda enfuseeko amafuta okubeera kabaka waabwe."

### *Olutalo Olwabaawo Wakati w'Ennyumba ya Dawudi n'Ennyumba ya Sawulo*

8 Mu biro ebyo, Abuneeri* mutabani wa Neeri, omuduumizi w'eggye lya
Sawulo, n'atwala Isubosesi mutabani wa Sawulo e Makanayimu.
9 N'amufuula kabaka w'e Gireyaadi, ow'Abasuuli†, ow'e Yezuleeri, owa
Efulayimu, owa Benyamini era owa Isirayiri yenna.
10 Isubosesi, mutabani wa Sawulo yali wa myaka amakumi ana we
yatandika okufuga Isirayiri, era n'afugira emyaka ebiri. Naye ennyumba
ya Yuda ne bagoberera Dawudi.
11 Ebbanga Dawudi lye yabeerera kabaka mu Kebbulooni ng'afuga
ennyumba ya Yuda lyali emyaka musanvu n'emyezi mukaaga.
12 Abuneeri mutabani wa Neeri n'abasajja ba Isubosesi mutabani wa
Sawulo, ne bava e Makanayimu ne bagenda e Gibyoni.
13 Yowaabu‡ mutabani wa Zeruyiya n'abasajja ba Dawudi ne bagenda
okubasisinkana ku kidiba eky'e Gibyoni. Ekibinja ekimu ne kituula ku
luuyi olumu olw'ekidiba, n'ekirala ne kituula ku luuyi olulala.
14 Awo Abuneeri n'agamba Yowaabu nti, "Abamu ku basajja bagolokoke
beegezeemu mu maaso gaffe." Yowaabu n'amuddamu nti, "Kale
bagolokoke."
15 Ne bagolokoka, kkumi na babiri ne babalibwa okuva ku ludda lwa
Benyamini ne Isubosesi mutabani wa Sawulo, n'ababala kkumi na babiri
okuva ku ludda lwa Dawudi.
16 Buli omu n'akwatagana ne gwe yali atunuuliganye naye, ne banyole-
gana emitwe, ne bafumitigana amafumu, ne bagwira wamu. Era ekifo
ekyo mu Gibyoni ne kituumibwa Kerukasu-Kazzulimu.
17 Olutalo ne lweyongerera ddala, Abuneeri n'abasajja be ne bawan-
gulwa abasajja ba Dawudi.
18 Batabani ba Zeruyiya abasatu Yowaabu, Abisaayi, ne Asakeri baaliyo,
era Asakeri yali muwenyusi wa misinde ng'empeewo ey'omu ttale.
19 Asakeri n'agoba Abuneeri emisinde, obutatunula ku mukono ogwa
ddyo wadde ogwa kkono.

---

* **2:8** Abuneeri yalina oluganda ku Sawulo, era yafuba nnyo okulwanirira obwakabaka bwa Sawulo. † **2:9** Abasuuli ba mu kika kya Aseri. ‡ **2:13** Yowaabu ye ne Abisaayi ne Asakeri baali batabani ba Dawudi (nny. 8). Mwannyina Dawudi, Zeruyiya ye yali nnyabwe

20 Awo Abuneeri bwe yatunula emabega we, n’abuuza nti, “Ye ggwe
Asakeri?”
N’addamu nti, “Ye nze.”
21 Abuneeri n’amugamba nti, “Tunula ku mukono gwo ogwa ddyo oba
ku mukono gwo ogwa kkono ogye ku omu ku bavubuka akuli okumpi
ekyokulwanyisa kye.” Naye Asakeri n’atalekaayo kumugoba.
22 Abuneeri n’addamu okumulabula ng’agamba nti, “Bw’oleka okun-
goba! Lwaki ondeetera okukutta? Muganda wo Yowaabu nnaamudda
wa?”
23 Naye Asakeri ne yeeyongera bweyongezi okumugoba; Abuneeri kwe
kumufumita mu lubuto n’omuwunda gw’effumu, effumu ne liggukira mu
mugongo, n’agwa wansi era n’afiirawo.
24 Naye Yowaabu ne Abisaayi ne bagoba Abuneeri. Enjuba bwe yali
eneetera okugwa, ne batuuka ku lusozi Amma, oluliraanye Giya mu kkubo
ery’eddungu ery’e Gibyoni.
25 Awo abasajja b’e Benyamini ne beekola ekibinja kimu, ne badda ku
luuyi lwa Abuneeri, ne bayimirira ku lusozi olumu.
26 Abuneeri n’akoowoola Yowaabu n’ayogera nti, “Ekitala kirirya en-
naku zonna? Tolaba nti enkomerero ya byonna buliba bukyayi bwereere?
Kale kiki ekikulobera okulagira abantu bo balekeraawo okucocca baganda
baabwe?”
27 Yowaabu n’addamu nti, “Katonda nga bw’ali omulamu, ne bwe
watandikyogedde, obudde bwe bwandikeeredde ng’abasajja baleked-
daawo okugoba baganda baabwe.”
28 Awo Yowaabu n’afuuwa ekkondeere[§], abasajja bonna ne bayimirira,
ne balekeraawo okugoba Isirayiri, era n’okubalwanyisa.
29 Ekiro ekyo kyonna Abuneeri n’abasajja be ne batambula ne bayita mu
Alaba, ne basomoka Yoludaani, ne batambula mu kiseera eky’oku makya
kyonna ne batuuka e Makanayimu.
30 Awo Yowaabu n’addayo ng’alese okugoba Abuneeri, n’akuŋŋaanya
abasajja be. Bwe baababala, ne basanga ng’abasajja kkumi na mwenda
be baali bafudde, okwo nga tobaliddeeko Asakeri.
31 Naye abasajja ba Dawudi baali basse Ababenyamini ebikumi bisatu
mu nkaaga ku abo abaali ne Abuneeri.
32 Ne batwala omulambo gwa Asakeri ne bamuziika ku biggya bya
kitaawe e Besirekemu. N’oluvannyuma Yowaabu n’abasajja be ne
batambula ekiro kyonna, ne batuuka e Kebbulooni enkeera.

## 3

1 Awo ne wabangawo entalo wakati w’ennyumba ya Sawulo
n’ennyumba ya Dawudi okumala ebbanga ddene. Dawudi
n’akulaakulana, n’aba w’amaanyi, naye ennyumba ya Sawulo ne
yeeyongeranga okunafuwa.

2 Dawudi n’azaalirwa abaana aboobulenzi e Kebbulooni.

Omuggulanda yali Amunoni eyazaalibwa Akinoamu Omuyezuleeri,
3 owookubiri yali Kireyaabu eyazaalibwa Abbigayiri nnamwandu wa
Nabali Omukalumeeri,

§ **2:28** Okufuuwa ekkondeere kaali kabonero kakutandika lutalo oba kulokomya

n'owookusatu yali Abusaalomu eyazaalibwa Maaka muwala wa Talumaayi kabaka w'e Gesuli*;
4 n'owookuna yali Adoniya eyazaalibwa Kaggisi,
n'owokutaano yali Sefatiya eyazaalibwa Abitali;
5 n'ow'omukaaga yali Isuleyamu, eyazaalibwa Egula mukyala wa Dawudi.

Abo be baazaalirwa Dawudi mu Kebbulooni.

### *Abuneeri Asala Eddiiro*

6 Entalo n'enkaayana nga zikyagenda mu maaso wakati w'ennyumba
ya Sawulo n'ennyumba ya Dawudi, Abuneeri n'anyweza ekifo kye mu
nnyumba ya Sawulo.
7 Sawulo yalina omuzaana erinnya lye Lizupa muwala wa Aya. Isubosesi
n'abuuza Abuneeri nti, "Lwaki weetaba n'omuzaana wa kitange?"
8 Awo Abuneeri n'asunguwala nnyo olw'ekigambo Isubosesi kye yamugamba, n'amuddamu nti, "Nze mutwe gw'embwa ya Yuda? Mbadde wa kisa eri ennyumba ya kitaawo Sawulo, n'eri baganda be, ne mikwano gye, ne sibawaayo mu mukono gwa Dawudi. Kaakano onteekako omusango olw'omukazi oyo.
9 Katonda akole Abuneeri bw'atyo n'okukirawo, bwe siituukirize ekyo
MUKAMA kye yalayirira Dawudi,
10 okuggya obwakabaka ku nnyumba ya Sawulo, n'okunyweza entebe
ey'obwakabaka eya Dawudi okufuga Isirayiri ne Yuda okuva ku Ddaani
okutuuka e Beeruseba†."
11 Isubosesi n'ataŋŋaanga kwanukula Abuneeri kigambo kirala,
olw'okumutya.
12 Awo Abuneeri n'atumira Dawudi ababaka okumugamba nti, "Ensi
y'ani? Kola endagaano nange, laba nnaafuula Isirayiri yonna okuba
eyiyo."
13 Dawudi n'ayogera nti, "Kirungi. Nzija okukola endagaano naawe.
Naye ekintu kimu kye nkusaba. Tojja mu maaso gange okuggyako ng'ojja
ne Mikali muwala wa Sawulo, ng'ojja okundaba."
14 Awo Dawudi n'atumira Isubosesi mutabani wa Sawulo ababaka
ng'agamba nti, "Mpa mukyala wange Mikali gwe nayogereza n'ebikuta
ekikumi eby'Abafirisuuti."
15 Amangwago Isubosesi n'alagira, bamuggye ku bba Palutiyeri mutabani wa Layisi.
16 Naye bba we n'abagoberera, nga bw'akaaba okutuukira ddala, e
Bakulimu. Abuneeri n'amugamba nti, "Ddayo eka. N'addayo."
17 Abuneeri n'ateesa n'abakadde ba Isirayiri, n'abagamba nti, "Mumaze
ebbanga nga mwagala okufuula Dawudi kabaka wammwe.
18 Kaakano mukituukirize, kubanga MUKAMA yasuubiza Dawudi nti,
'Ndirokola abantu bange Isirayiri okuva mu mukono gw'Abafirisuuti ne
mu mukono gw'abalabe baabwe bonna, nga nkozesa omuddu wange
Dawudi.' "

---

* **3:3** Gesuli lyali ssaza lya Bwasuli, nga ttono; eyo Abusaalomu gye yaddukira (13:37-38; 14:23)
† **3:10** Okuva ku Ddaani okutuuka e Beeruseba ebigambo ebyo byakozesebwanga okulaga ensi ya Isirayiri gye yali ekoma, ng'eva mu bukiikakkono obw'ewala ennyo okutuuka mu bukiikaddyo obw'ewala ennyo

19 Abuneeri n'agenda n'eri Ababenyamini n'ayogera nabo,
n'oluvannyuma n'agenda n'ategeeza Dawudi e Kebbulooni, ebyo byonna
Isirayiri n'ennyumba ya Benyamini bye baasalawo okukola.
20 Awo Abuneeri n'agenda n'abasajja amakumi abiri ewa Dawudi e
Kebbulooni, Dawudi n'abategekera embaga nnene.
21 Abuneeri n'agamba Dawudi nti, "Ka ŋŋenderewo mukama wange
Kabaka, nkuŋŋaanye Isirayiri yenna, bakole endagaano naawe, obafuge
ng'omutima gwo bwe gunaasiima." Awo Dawudi n'asindika Abuneeri
agende, n'agenda mirembe.

*Yowaabu Atta Abuneeri*

22 Awo abasajja ba Dawudi ne bakomawo ne Yowaabu, nga baleese
omunyago munene ddala. Naye we baakomerawo nga Abuneeri takyali
ne Dawudi e Kebbulooni, kubanga yali amusiibudde agende mirembe.
23 Yowaabu n'eggye lyonna bwe baatuuka, Yowaabu n'ategeezebwa
nga Abuneeri mutabani wa Neeri bwe yazze eri kabaka, naye kabaka
n'amusiibula, n'agenda mirembe.
24 Awo Yowaabu n'agenda eri kabaka n'amugamba nti, "Wakoze ki ekyo,
okuleka Abuneeri n'agenda?
25 Okimanyi nga Abuneeri mutabani wa Neeri, yazze okukubuzaabuza,
n'okuketta ennyingira yo n'enfuluma yo, ne byonna by'okola?"
26 Yowaabu n'ava mu maaso ga Dawudi, n'atuma ababaka okugoberera
Abuneeri, era ne bamukomyawo okuva ku luzzi lwa Siira, naye Dawudi
n'atakimanya.
27 Awo Abuneeri bwe yakomawo e Kebbulooni, Yowaabu n'amutwala ku
bbali w'omulyango, ne yeefuula ng'ayogera naye mu kyama, n'amufumita
mu lubuto n'afa. Ekyo Yowaabu y'akikola okumusasula olw'omusaayi gwa
Asakeri muganda we.
28 Oluvannyuma Dawudi bwe yakiwulira, n'ayogera nti, "Nze
n'obwakabaka bwange tetulivunaanibwa ennaku zonna mu maaso ga
MUKAMA olw'omusaayi gwa Abuneeri mutabani wa Neeri.
29 Omusaayi gwe gubeerenga ku mutwe gwa Yowaabu ne ku
nnyumba ya kitaawe, era mu nnyumba ya Yowaabu mulemenga
okubulamu omuziku newaakubadde omugenge, newaakubadde omulema
newaakubadde alifa n'ekitala, newaakubadde alibulwa emmere."
30 Yowaabu ne Abisaayi muganda we ne batta Abuneeri kubanga yatta
muganda waabwe Asakeri mu lutalo e Gibyoni.
31 Awo Dawudi n'agamba Yowaabu n'abantu bonna abaali naye nti,
"Mwambale ebibukutu, mukungubagire mu maaso ga Abuneeri." Kabaka
Dawudi yennyini n'atambulira emabega w'essanduuko omwali omu-
lambo.
32 Abuneeri n'aziikibwa e Kebbulooni, kabaka n'akaaba n'eddoboozi
ddene awamu n'abantu bonna ku ntaana ya Abuneeri.
33 Kabaka n'akungubagira Abuneeri, ng'agamba nti,

"Abuneeri teyandifudde ng'omusirusiru bw'afa.
34 Emikono gyo tegyasibibwa, so
n'ebigere byo tebyateekebwa mu masamba.
Ng'omuntu bw'agwa mu maaso g'abo abatali batuukirivu, bwe wagwa
bw'otyo."

Abantu bonna ne bamukungubagira.

35 Oluvannyuma bonna ne bagezaako okuwaliriza Dawudi alye ku
mmere ng'obudde bukyalaba, naye n'alayira ng'agamba nti, "Katonda

ankole bw'atyo n'okukirawo, bwe nnaakomba ku mmere oba ku kintu
kyonna, okutuusa enjuba ng'emaze okugwa."
36 Awo abantu bonna ne bakitegeera era ne kibasanyusa. Byonna kabaka
bye yakolanga ne bisiimibwanga abantu.
37 Era ku lunaku olwo abantu bonna ne Isirayiri yenna ne bategeera nga
kabaka teyasiima kuttibwa kwa Abuneeri mutabani wa Neeri.
38 Awo kabaka n'agamba abantu be nti, "Temumanyi nga leero mu
Isirayiri mufuddemu omukungu era omusajja omuzira?
39 Era leero, newaakubadde nga nze kabaka eyafukibwako amafuta,
ndimunafu olw'abaana ba Zeruyiya abampitiriddeko obukakanyavu.
MUKAMA asasule bw'atyo omukozi w'ebibi olw'ebikolwa bye!"

# 4

### *Isubosesi Attibwa*

1 Awo Isubosesi mutabani wa Sawulo bwe yawulira Abuneeri
ng'afiiridde e Kebbulooni, n'aggwaamu essuubi, ne Isirayiri yenna ne
beeraliikirira.
2 Mutabani wa Sawulo oyo yalina abasajja be babiri, bombi nga
baduumizi ba bibinja, omu nga ye Baana, n'owokubiri nga ye Lekabu.
Baali batabani ba Limmoni Omubeerosi ng'ava mu kika kya Benyamini,
kubanga Beerosi kyabalibwanga okuba ekimu ki bitundu bya Benyamini,
3 engeri abantu ab'e Beerosi bwe baddukira e Gittayimu, ne babeera eyo
na guno gujwa.
4 Yonasaani mutabani wa Sawulo yalina omwana owoobulenzi eyale-
mala ebigere. Yalina emyaka etaano egy'obukulu, amawulire agakwata
ku kufa kwa Sawulo ne Yonasaani bwe gaasaasaanyizibwa okuva mu
Yezuleeri. Naye eyamulabiriranga bwe yamusitula, ng'adduka okumu-
wonya, omwana n'agwa n'alemala. N'erinnya lye ye yali Mefibosesi.
5 Awo Lekabu ne Baana batabani ba Limmoni Omubeerosi, ne balaga
Isubosesi gye yabeeranga, ne batuuka mu ssaawa ez'etuntu, ne bamu-
sanga ng'awummuddeko.
6 Ne bagenda mu kisenge eky'omunda ne baba ng'abajja okukima
eŋŋaano, ne bamufumita mu lubuto, ne badduka.
7 Bwe bayingira mu nnyumba, baamusanga agalamidde ku kitanda mu
kisenge kye, ne bamufumita ne bamutta, ne bamusalako n'omutwe. Ne
batwala omutwe gwe, ne batambula ekiro kyonna mu kkubo erya Alaba.
8 Omutwe gwa Isubosesi ne bagutwalira Dawudi e Kebbulooni, ne
bamugamba nti, "Omutwe gwa Isubosesi mutabani wa Sawulo omulabe
wo, eyayagala okukutta, guuguno. Leero MUKAMA awalanye eggwanga lya
mukama waffe kabaka ku Sawulo n'ezzadde lye."
9 Naye Dawudi n'addamu Lekabu ne muganda we Baana, batabani
ba Limmoni Omubeerosi nti, "MUKAMA nga bw'ali omulamu, alokodde
obulamu bwange mu kibi kyonna,
10 omuntu bwe yaŋŋamba nti, 'Sawulo afudde,' n'alowooza nti yali
andetedde amawulire amalungi, namukwata ne muttira e Zikulagi, era
eyo ye yali empeera ye olw'amawulire ge yaleeta.
11 Mulowooza nga tekirisingawo eri abasajja ababi abattidde omusajja
ataliiko musango mu nnyumba ye, ku kitanda kye, ne nvunaana omusaayi
gwe ku mmwe era ne mbazikiriza okuva ku nsi?"
12 Awo Dawudi n'alagira abavubuka be, okutta abasajja abo. Ne
babasalako engalo n'ebigere ne bawanika ebiwuduwudu okumpi

n'ekidiba e Kebbulooni. Naye ne baddira omutwe gwa Isubosesi, ne baguziika mu ntaana ya Abuneeri e Kebbulooni.

# 5

### *Dawudi Afuuka Kabaka wa Isirayiri*

1 Ebika byonna ebya Isirayiri ne bigenda eri Dawudi e Kebbulooni, ne
boogera nti, "Laba, tuli mubiri gwo era musaayi gwo.
2 Mu biro eby'edda, Sawulo nga ye kabaka waffe, gwe wakulemberanga
Isirayiri mu ntalo. Era MUKAMA yakwogerako nti, 'Olirunda abantu bange
Isirayiri, era oliba mukulembeze waabwe.' "
3 Awo abakadde bonna aba Isirayiri bwe bajja eri kabaka e Kebbulooni,
n'akola nabo endagaano e Kebbulooni mu maaso ga MUKAMA Katonda, era
ne bafuka amafuta ku Dawudi okuba kabaka wa Isirayiri*.
4 Dawudi we yatanulira okuba kabaka yalina emyaka amakumi asatu;
n'afugira emyaka amakumi ana.
5 Mu Kebbulooni n'afugirayo Yuda emyaka musanvu n'ekitundu, ate mu
Yerusaalemi n'afugiramu Isirayiri yenna ne Yuda emyaka asatu mu esatu.

### *Dawudi Awamba Yerusaalemi*

6 Kabaka n'abasajja be ne boolekera Yerusaalemi okulwana n'Abayebusi
abaabeeranga eyo. Abayebusi ne bagamba Dawudi nti, "Toliyingira muno,
kubanga abazibe b'amaaso n'abalema balikulwanyisa ne bakulemesa;"
nga balowooza nti Dawudi tayinza kukiyingira.
7 Naye Dawudi n'awamba ekigo kya Sayuuni, ky'ekibuga kya Dawudi.
8 Ku lunaku olwo Dawudi n'alagira nti, "Abanaagenda okutta Abayebusi,
bayitire ku lusalosalo batte abazibe b'amaaso n'abalema, emmeeme
ya Dawudi b'ekyawa." Kyekyava kigambibwa nti, "Abazibe b'amaaso
n'abalema tebaliyingira mu lubiri."
9 Dawudi n'abeera mu kigo, n'akituuma Ekibuga kya Dawudi. N'azimba
ekibuga okukyetooloola, n'akiteekako ne bbugwe.
10 Dawudi ne yeeyongeranga okuba ow'amaanyi kubanga MUKAMA
Katonda ow'Eggye yali wamu naye.
11 Awo kabaka Kiramu ow'e Ttuulo n'atuma ababaka ne batwala
emivule, ne bagenda, n'abazimbi b'amayinja, n'ababazzi eri Dawudi
okumuzimbira olubiri.
12 Dawudi n'ategeera nga MUKAMA yali amunywezezza okuba kabaka wa
Isirayiri, era ng'agulumizizza obwakabaka bwe olw'abantu ba MUKAMA
Isirayiri.
13 Dawudi bwe yava e Kebbulooni n'awasa abakyala abalala mu
Yerusaalemi, abaana aboobulenzi n'aboobuwala ne bamuzaalirwa.
14 Amannya g'abo abaamuzaalirwa mu Yerusaalemi gaali Sammuwa, ne
Sobabu, ne Nasani, ne Sulemaani,
15 ne Ibukali, ne Eriswa, ne Nefegi, ne Yafiya,
16 ne Erisaama, ne Eriyada ne Erifereti.

### *Dawudi Awangula Abafirisuuti*

17 Awo Abafirisuuti bwe baawulira nga Dawudi afukiddwako amafuta
okuba kabaka wa Isirayiri, bonna ne bambuka okumunoonya, naye
Dawudi n'akiwulira n'aserengeta mu kigo kye.
18 Abafirisuuti baali bazze nga basaasaanye mu kiwonvu Lefayimu.

---

* **5:3** Guno gwali mulundi gwa kusatu Dawudi okufukibwako amafuta, okukakasa nti ye kabaka wa Isirayiri.

19 Dawudi ne yeebuuza ku Mukama nti, “Ŋŋende nnumbe Abafirisuuti? Onoobagabula mu mukono gwange?” Mukama n’amuddamu nti, “Genda, kubanga nnaabagabula mu mukono gwo.”

20 Awo Dawudi n’agenda e Baaluperazimu, era n’abawangula. N’ayogera nti, “Mukama abonerezza abalabe bange mu maaso gange, ng’embuyaga ez’amazzi bwe zita ne zikulukuta n’amaanyi.” Era ekifo ekyo kyekyava kituumibwa Baaluperazimu.

21 Abafirisuuti ne baleka eyo balubaale baabwe be beekolera, Dawudi n’abasajja be ne babatwala.

22 Abafirisuuti ne badda, ne basaasaana mu kiwonvu kya Lefayimu.

23 Awo Dawudi bwe yeebuuza ku Mukama, n’amuddamu nti, “Tobatabaalirawo, naye beetooloole, obalumbe ng’obafuluma mu maaso g’emitugunda.

24 Awo olunaatuuka bw’onoowulira abakumba ku masanso g’emitugunda, oyanguwe okulumba, kubanga ekyo kinaategeeza nti Mukama akukulembedde okuzikiriza eggye ly’Abafirisuuti.”

25 Awo Dawudi n’akola nga Mukama bwe yamulagira, n’azikiriza Abafirisuuti okuva e Geba okutuuka e Gezeri.

# 6

*Essanduuko Ereetebwa e Yerusaalemi*

1 Dawudi n’akuŋŋaanya nate abasajja abaawera emitwalo esatu be yalonda mu Isirayiri.

2 N’agolokoka n’agenda n’abantu bonna abaali naye, okuva e Baale, Yuda, okuggyayo essanduuko ya Katonda eyitibwa Erinnya lya Mukama ow’Eggye atuula ku ntebe ye ey’obwakabaka wakati wa bakerubi.

3 Ne bateeka essanduuko ya Katonda ku ggaali empya ne bagiggya mu nnyumba ya Abinadaabu eyali ku lusozi, Uzza ne Akiyo batabani be ne bagikulembera

4 ng’essanduuko ya Katonda kweri, Akiyo ng’agikulembeddemu.

5 Dawudi n’ennyumba yonna eya Isirayiri ne bajaguliza mu maaso ga Mukama n’amaanyi gaabwe gonna, nga bayimba ennyimba nga bakuba ennanga, n’entongooli, n’ebitaasa, n’ensaasi, n’ebirala.

6 Awo bwe baatuuka mu gguuliro lya Nakoni, ente bwe zeesittala, Uzza n’agolola omukono gwe n’akwata ku ssanduuko ya Katonda.

7 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira ku Uzza olw’ekikolwa ekyo, Katonda n’amuttira awo okumpi n’essanduuko ya Katonda.

8 Awo Dawudi n’anyiiga kubanga obusungu bwa Mukama bwagwa ku Uzza, n’atuuma ekifo ekyo Peruzuzza, ne leero.

9 Olunaku olwo Dawudi n’atya Mukama, n’ayogera nti, “Essanduuko ya Mukama eyinza etya okuleetebwa gye ndi?”

10 Dawudi n’atayagala kutwala ssanduuko ya Mukama mu kibuga kya Dawudi, era n’asalawo okugitwala mu nnyumba ya Obededomu Omugitti.

11 Essanduuko ya Mukama n’ebeera mu nnyumba ya Obededomu Omugitti emyezi esatu, era Mukama n’amuwa omukisa ye n’ennyumba ye yonna.

12 Awo Dawudi n’ategeezebwa nti, “Ennyumba ya Obededomu n’ebintu bye byonna biweereddwa omukisa olw’essanduuko ya Katonda.” Dawudi n’agenda n’aggyayo essanduuko ya Katonda mu nnyumba ya Obededomu n’agireeta mu kibuga kya Dawudi ng’ajaguza.

13 Abaasitula essanduuko ya MUKAMA bwe baatambula ebigere mukaaga
n'awaayo ente ennume n'ennyana ensava nga ssaddaaka.
14 Dawudi ng'ayambadde olugoye olwa linena, n'azinira mu maaso ga
MUKAMA n'amaanyi ge gonna.
15 Dawudi n'ennyumba ya Isirayiri yonna ne baleeta essanduuko ya
MUKAMA nga boogerera waggulu, era nga bafuuwa n'amakondeere.
16 Awo essanduuko ya MUKAMA bwe yali ng'ereetebwa mu kibuga kya
Dawudi, Mikali muwala wa Sawulo, ng'ali mu ddirisa, n'alengera kabaka
Dawudi ng'abuuka, ng'azinira mu maaso ga MUKAMA, n'amunyooma.
17 Ne baleeta essanduuko ya MUKAMA ne bagiteeka mu kifo kyayo mu
weema Dawudi gye yali agisimbidde, Dawudi n'awaayo ebiweebwayo
ebyokebwa, n'ebiweebwayo olw'emirembe, mu maaso ga MUKAMA.
18 Awo Dawudi bwe yamala okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa
n'ebiweebwayo olw'emirembe, n'asabira abantu omukisa mu linnya lya
MUKAMA ow'eggye,
19 buli muntu n'amugabula omugaati, n'ekiyungula ky'ennyama,
n'ekitole eky'ezabbibu enkalu, abasajja n'abakyala. N'oluvannyuma
abantu bonna ne baddayo ewaabwe.
20 Dawudi n'addayo ewuwe okusabira ab'omu nnyumba ye omukisa,
Mikali muwala wa Sawulo n'agenda okumusisinkana n'ayogera nti,
"Kabaka wa Isirayiri ayinza atya okweswaza bw'atyo, ne yeyambulira mu
maaso g'abawala abaweereza n'abaddu ng'omuntu atalina nsonyi?"
21 Awo Dawudi n'agamba Mikali nti, "Nakikoledde mu maaso ga
MUKAMA eyannonda okusinga kitaawo, n'ennyumba ye yonna okuba
omukulembeze w'abantu ba MUKAMA, Isirayiri, era nzija kujagulizanga
mu maaso ga MUKAMA.
22 Nzija kweyongerera ddala okweswaza, era sijja kuswala mu maaso
gange, naye mu maaso g'abawala abaweereza b'oyogeddeko, nnaasib-
wangamu ekitiibwa."
23 Awo muwala wa Sawulo Mikali, n'abeera mugumba okutuusa olunaku
lwe yafa.

# 7

### *Ekisuubizo kya Katonda eri Dawudi*

1 Awo olwatuuka kabaka n'atereera mu lubiri lwe, MUKAMA n'amuwa
okuwummula eri abalabe be bonna abaamwetooloola.
2 N'agamba Nasani nnabbi nti, "Laba ntudde mu lubiri olwazimbibwa
n'emivule, naye essanduuko ya Katonda eri mu weema."
3 Nasani n'addamu kabaka nti, "Genda okole ng'omutima gwo bwe
gukugamba, kubanga MUKAMA ali wamu naawe."
4 Ekiro ekyo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Nasani nti,
5 "Genda otegeeze omuddu wange Dawudi nti, 'Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA nti, Ggwe olinzimbira ennyumba ey'okubeeramu?
6 Sibeeranga mu nnyumba okuva ku lunaku lwe naggya Abayisirayiri
mu Misiri, ne leero. Ntambudde okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala
nga mbeera mu weema.
7 Mu bifo byonna bye ntambudde n'Abayisirayiri bonna, nnina
ekigambo n'ekimu kye nagamba abafuzi baabwe be nalagira okukulem-
bera abantu bange, Isirayiri nti, "Kiki ekibalobedde okunzimbira en-
nyumba ey'emivule?" '

8 “Kaakano tegeeza omuddu wange Dawudi nti, ‘Bw’ati bw’ayogera
MUKAMA, ow’Eggye nti, “Nakuggya mu ddundiro gye walundiranga
endiga ne nkufuula omukulembeze w’abantu bange Isirayiri.

9 Mbadde naawe buli gy’ogenze, era nzikiririzza abalabe bo bonna
mu maaso go. Ndifuula erinnya lyo okuba ekkulu, ne liba ng’erimu ku
g’abasajja ab’ekitiibwa ennyo mu nsi.

10 Ndifunira abantu bange Isirayiri ekifo ekyabwe ku bwabwe,
balemenga okutawanyizibwanga. Abantu ababi tebalibacocca nate, nga
bwe baakolanga olubereberye,

11 okuva lwe nalonda abalamuzi okufuga abantu bange Isirayiri. Era
ndikuwa ebiseera eby’emirembe abalabe bo baleme okukuyigganya.

“ ‘ “MUKAMA akugamba nti MUKAMA Katonda yennyini, alinyweza
ennyumba yo.

12 Ennaku zo bwe ziriggwaako, n’owummula ne bajjajjaabo, ndikuza
ezzadde lyo eririva munda yo likusikire, era ndinyweza obwakabaka bwe.

13 Oyo yalizimbira Erinnya lyange ennyumba, era ndinyweza entebe
ye ey’obwakabaka bwe ennaku zonna.

14 Nnaabeeranga kitaawe, naye aliba mwana wange. Bw’anasobyanga
nnaamukangavvulanga n’omuggo ogw’abantu n’enga ez’abantu.

15 Naye okwagala kwange tekumuvengako, nga bwe kwava ku Sawulo,
gwe naggya mu maaso go.

16 Ennyumba yo n’obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakkalira
ennaku zonna mu maaso gange, era entebe yo ey’obwakabaka eriny-
wezebwa ennaku zonna.” ’ ”

17 Nasani n’ategeeza Dawudi ebigambo byonna eby’okubikkulirwa kwe.

### *Okusaba kwa Dawudi*

18 Awo kabaka Dawudi n’ayingira n’atuula mu maaso ga MUKAMA,
n’ayogera nti,

“Nze ani, Ayi MUKAMA Katonda, n’ennyumba yange kye ki, ggwe
okuntuusa wano?

19 Gy’obeera ekyo tekimala, Ayi MUKAMA Katonda, oyogedde ku
bigenda okubaawo mu biro eby’omu maaso ku nnyumba ey’omuddu wo.
Bw’otyo bw’okolagana n’omuntu, Ayi MUKAMA Katonda?

20 “Kiki ekirala Dawudi kyayinza okukugamba, kubanga ggwe, Ayi
MUKAMA Katonda omanyi omuddu wo.

21 Olw’ekigambo kyo n’olw’okusiima kwo, okoze ebintu bino ebikulu,
n’obimanyisa omuddu wo.

22 “Ng’oli mukulu, Ayi MUKAMA Katonda! Tewali akwenkana, era
tewali Katonda wabula ggwe, nga bwe twewuliridde n’amatu gaffe.

23 Era ggwanga ki mu nsi erifaanana ng’abantu bo Isirayiri, eggwanga
Katonda lye yeenunulira, ne yeekolera erinnya, n’abakolera ebintu
ebikulu eby’amagero bwe yagoba amawanga ne balubaale baabwe mu
maaso g’abantu bo be weenunulira okuva mu Misiri?

24 Onywezezza abantu bo, Isirayiri ng’ababo ddala emirembe gyonna
era ggwe Ayi MUKAMA wafuuka Katonda waabwe.

25 “Kaakano, Ayi MUKAMA Katonda, otuukirize ekyo kye wasuubiza
omuddu wo n’ennyumba ye okole nga bwe wasuubiza,

26 erinnya lyo ligulumizibwenga emirembe gyonna, n’abantu
boogerenga nti, ‘MUKAMA ow’Eggye ye Katonda wa Isirayiri,’ era
n’ennyumba ey’omuddu wo Dawudi erinywezebwa mu maaso go.

27 "Ayi MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri, ekyo okibikkulidde omuddu wo ng'ogamba nti, 'Ndikuzimbira ennyumba,' omuddu wo kyavudde ayaŋŋanga okuwaayo okusaba okwo gy'oli.

28 Ayi MUKAMA Katonda, oli Katonda, n'ebigambo byo bya mazima, era omuddu wo omusuubizza ebintu ebirungi.

29 Kale nno okkirize okuwa ennyumba ey'omuddu wo omukisa enywerere mu maaso go ennaku zonna, kubanga ggwe Ayi MUKAMA Katonda oyogedde, era ennyumba ey'omuddu wo eneebanga n'omukisa ennaku zonna."

# 8

### *Obuwanguzi bwa Dawudi*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, Dawudi n'awangula Abafirisuuti, n'abafuula abaddu be, n'awamba n'ekibuga kyabwe ekikulu.

2 Dawudi n'awangula n'Abamowaabu, n'alagira buli omu ku bo yebake
wansi, n'abapimako n'olukoba olupima. Buli eyali ebipimo bibiri yattibwanga, naye oyo eyali ow'ebipimo ebisatu nga y'alama. Abamowaabu[*] ne bafuuka baddu ba Dawudi ne bamuwanga obusuulu.

3 Ate era Dawudi n'awangula Kadadezeri mutabani wa Lekobu, kabaka w'e Zoba, bwe yali nga yeddiza amatwale ge ku Mugga Fulaati.

4 Dawudi n'awamba amagaali ga Kadadezeri lukumi, n'abeebagala embalaasi kasanvu, n'abaserikale ab'ebigere emitwalo ebiri. N'atema kumpi embalaasi zonna, n'azilemaza n'alekawo kikumi ku zo.

5 Awo Abasuuli ab'e Ddamasiko ne bajja okubeera Kadadezeri kabaka w'e Zoba, naye Dawudi n'atta emitwalo ebiri mu enkumi bbiri ku bo.

6 Dawudi n'assa ebibinja eby'abaserikale mu Busuuli e Ddamasiko, Abasuuli ne bafuuka baddu be, era ne bamuwanga obusuulu. MUKAMA n'awa Dawudi obuwanguzi buli gye yagendanga.

7 Dawudi n'anyaga engabo eza zaabu ezasitulibwanga abaserikale ba Kadadezeri n'azireeta e Yerusaalemi.

8 Kabaka Dawudi n'anyaga n'ebikomo bingi ddala okuva mu Beta ne mu Berosayi, ebibuga ebyali ebya Kadadezeri.

9 Awo Toyi kabaka w'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi awangudde eggye lyonna erya Kadadezeri,

10 n'atuma mutabani we Yolaamu eri kabaka Dawudi okumulamusaako, n'okumuyozaayoza okuwangula olutalo wakati we ne Kadadezeri. Kadadezeri yalwananga ne Toyi. Yolaamu n'amutwalira ebintu bya ffeeza ne zaabu n'ebikomo.

11 Kabaka Dawudi n'abiwonga eri MUKAMA, nga bwe yakola effeeza ne zaabu bye yaggya mu mawanga amalala ge yawangula.

12 Amawanga gaali: Busuuli, ne Mowaabu, n'Abamoni, n'Abafirisuuti ne Amaleki; n'awonga n'omunyago gwa Kadadezeri, mutabani wa Lekobu, kabaka w'e Zoba.

13 Erinnya lya Dawudi ne lititumuka, bwe yakomawo okuva okutta Abasuuli omutwalo gumu mu kanaana mu kiwonvu eky'Omunnyo.

---

[*] **8:2** Abamowaabu baali bazzukulu ba Lutti (Lub 19:37) abaabeeranga mu kitundu eky'ebuvanjuba bw'Ennyanja ey'Omunnyo. Sawulo yali abawangudde era ng'abafufuggazizza (1Sa 14:47). Dawudi bwe yali mu buwaŋŋanguse, abooluganda be, yabaweereza mu Mowaabu (1Sa 22:3-4). Bajjajja ba Dawudi baavanga mu Mowaabu (Lus 1:22; 4:22)

14 N'ateeka ebibinja bya baserikale mu Busuuli yonna, Abasuuli bonna ne bafuuka baddu ba Dawudi. MUKAMA n'awa Dawudi obuwanguzi buli gye yagendanga.

### *Amannya g'Abakungu ba Dawudi*

15 Dawudi n'afuga Isirayiri yenna, ng'afuga abantu be bonna mu bwenkanya ne mu mazima.
16 Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ye yali omuduumizi w'eggye, Yekosafaati mutabani wa Akirudi nga ye mujjukiza,
17 Zadooki† mutabani wa Akitubu ne Akimereki mutabani wa Abiyasaali nga be bakabona, Seroya nga ye muwandiisi,
18 Benaaya mutabani wa Yekoyaada nga ye mukulu w'Abakeresi n'Abaperesi‡ abaakuumanga ba kabaka, batabani ba Dawudi nga be bawi ba magezi ab'obwakabaka.

# 9

### *Dawudi ne Mefibosesi*

1 Dawudi n'abuuza nti, "Wakyaliwo omuntu mu nnyumba ya Sawulo eyasigalawo gwe nnyinza okulaga ekisa ku lwa Yonasaani?"
2 Awo waaliwo omuddu mu nnyumba ya Sawulo erinnya lye Ziba. Ne bamutumya, n'ajja mu maaso ga Dawudi.
Kabaka n'amubuuza nti, "Ggwe Ziba?" N'addamu nti, "Nze wuuyo omuddu wo."
3 Kabaka n'amubuuza nti, "Tewaliwo muntu mu nnyumba ya Sawulo eyasigalawo gwe nnyinza okukolera ebirungi olw'ekisa kya Katonda?"
Ziba n'addamu kabaka nti, "Wakyaliwo mutabani wa Yonasaani, eyalemala ebigere."
4 Kabaka n'amubuuza nti, "Ali ludda wa?"
Ziba n'amuddamu nti, "Ali mu nnyumba ya Makiri mutabani wa Ammiyeri mu Lodebali."
5 Awo Dawudi n'amutumya, ne bamuleeta okuva mu nnyumba ya Makiri mutabani wa Ammiyeri mu Lodebali.
6 Mefibosesi mutabani wa Yonasaani, muzzukulu wa Sawulo n'ajja eri Dawudi n'avuunama mu maaso ge.
Dawudi n'amubuuza nti, "Ggwe Mefibosesi?"
N'addamu nti, "Nze wuuyo omuddu wo."
7 Dawudi n'amugamba nti, "Totya kubanga siireme kukukolera bya kisa ku lwa Yonasaani kitaawo. Nzija kukuddiza ettaka lyonna eryali erya jjajjaawo Sawulo, era onooliranga ku mmeeza yange."
8 Mefibosesi ne yeeyanza n'ayogera nti, "Omuddu wo kye ki, okufaayo ku mbwa enfu nga nze?"
9 Awo kabaka n'ayita Ziba, omuddu wa Sawulo, n'amugamba nti, "Mpadde muzzukulu wa mukama wo ebintu byonna ebyali ebya Sawulo n'ennyumba ye.
10 Ggwe ne batabani bo n'abaddu bo munaamulimiranga ettaka ne muleeta ebibala ebirivaamu, muzzukulu wa mukama wo abenga n'ekyokulya. Mefibosesi muzzukulu wa mukama wo, ye anaaliiranga

---

† **8:17** Zadooki yali muzzukulu wa Eriyazaali. Yasigala nga musajja wa Dawudi ow'oku lusegere, era oluvannyuma ye yafuka n'amafuta ku musika wa Dawudi, Sulemaani ‡ **8:18** Abakeresi n'Abaperesi baali magye mapangise. Abakeresi baava Kuleete, ate Abaperesi nga bava Bufirisuuti. Ebibinja ebyo byombi bye byakumanga bakabaka.

ku mmeeza yange nange, ennaku zange zonna." Ziba yalina abaana aboobulenzi kkumi na bataano n'abaddu amakumi abiri.
11 Awo Ziba n'agamba kabaka nti, "Nga bw'olagidde mukama wange kabaka, bwe kijja okukolebwa omuddu wo." Mefibosesi n'aliiranga ku mmeeza ya Dawudi ng'omu ku balangira.
12 Mefibosesi yalina mutabani we omuto, eyayitibwanga Mikka, ne bonna abaali ab'ennyumba ya Ziba baali baddu ba Mefibosesi.
13 Mefibosesi n'abeera mu Yerusaalemi kubanga yaliiranga ku mmeeza ya kabaka. Yali yalemala ebigere.

# 10

### *Dawudi Awangula Abaana ba Amoni*

1 Mu kiseera ekyo kabaka w'abaana ba Amoni* n'afa, mutabani we Kamuni n'amusikira.
2 Dawudi n'alowooza nga kyandibadde kirungi, okumukolera ebyekisa nga kitaawe bwe yali akoze. Awo Dawudi n'amutumira ekibinja okugenda okumukubagiza olw'okufa kwa kitaawe.
Abasajja ba Dawudi bwe baatuuka mu nsi ey'Abamoni,
3 abakungu ba Amoni ne bagamba Kamuni mukama waabwe nti, "Olowooza nga Dawudi okukuweereza ababaka okukubagiza, aba assaamu kitaawo kitiibwa? Olowooza nga Dawudi tabasindise okujja okulawuna n'okuketta ekibuga n'okukiwamba?"
4 Awo Kamuni n'akwata abasajja ba Dawudi n'abamwako ekitundu ky'ebirevu byabwe n'abasalira ebyambalo byabwe wakati okukoma ku manyuma gaabwe, n'abagoba baddeyo ewaabwe.
5 Dawudi bwe yategeezebwa ebyo, n'atumira abasajja be ababaka, kubanga baali mu buswavu bungi, n'abagamba nti, "Musigale e Yeriko ebirevu byammwe bimale okukula mulyoke mukomewo."
6 Awo Abamoni bwe bategeera nga Dawudi bamufuukidde ekyenyinyalwa, ne bapangisa abaserikale ab'ebigere Abasuuli emitwalo ebiri okuva e Besukekobu n'e Zoba, n'abalala abasajja lukumi okuva ewa kabaka w'e Maaka, n'abalala omutwalo gumu mu enkumi bbiri okuva e Tobu.
7 Dawudi olwawulira ebyo, n'asindika Yowaabu n'eggye lyonna ery'abasajja abalwanyi abazira.
8 Abamoni ne bavaayo ne basimba ennyiriri awayingirirwa mu wankaaki w'ekibuga kyabwe, Abasuuli ab'e Zoba n'ab'e Lekobu, n'abasajja ab'e Tobu n'e Maaka bo ne babeera mu ttale.
9 Awo Yowaabu bwe yalaba ng'olutalo lumutaayizza mu maaso n'emabega, n'alondamu abasajja abazira mu Isirayiri, n'abasindika batabaale Abasuuli.
10 Abaasigalawo n'abakwasa Abisaayi muganda we okubaduumira, n'abasindika batabaale Abamoni.
11 Yowaabu n'agamba muganda we nti, "Bwe munaalaba Abasuuli nga batuyitiridde amaanyi, munajja ne mutubeera. Abamoni bwe banaabayinga amaanyi, tunajja ne tubabeera.
12 Tuddemu amaanyi tulwane masajja olw'abantu baffe, n'olw'ebibuga bya Katonda waffe. MUKAMA akole nga bw'asiima."
13 Awo Yowaabu n'abasajja abaali naye ne bambuka okutabaala Abasuuli, Abasuuli ne babadduka.

---

* **10:1** Abaana ba Amoni babeeranga mu ddungu ebuvanjuba wa Yoludaani

14 Abamoni bwe baalaba nga Abasuuli badduse, nabo ne badduka
Abisaayi, ne bayingira mu kibuga. Yowaabu n'alekeraawo okulwana
n'Abamoni, n'addayo e Yerusaalemi.
15 Awo Abasuuli bwe baalaba nga bawanguddwa Isirayiri, ne
beekuŋŋaanya.
16 Kadadezeri n'atumya Abasuuli okuva emitala w'Omugga Fulaati, ne
bagenda e Keramu nga bakulembeddwamu Sobaki omuduumizi w'eggye
lya Kadadezeri.
17 Awo Dawudi bwe yakiwulira, n'akuŋŋaanya Isirayiri yenna
n'asomoka Yoludaani n'agenda e Keramu. Abasuuli ne basimba ennyiriri
okwolekera Dawudi balwane naye.
18 Naye ne badduka mu maaso ga Isirayiri, Dawudi n'atta abasajja
lusanvu ku bavuzi b'amagaali g'embalaasi, era n'emitwalo ena ku
beebagala embalaasi, n'afumita ne Sobaki omuduumizi w'eggye lyabwe
n'afiirawo.
19 Awo bakabaka bonna abaali abaddu ba Kadadezeri bwe baalaba nga
bawanguddwa Isirayiri, ne beeweerayo ddala eri Abayisirayiri, era ne
babawanga n'obusuulu.

Awo Abasuuli ne batya okuddamu okuyamba Abamoni.

# 11

*Dawudi ne Basuseba*

1 Awo mu biro ebyo, ekiseera bakabaka mwe bagendera okutabaala,
Dawudi n'asindika Yowaabu n'abasajja be n'eggye lyonna erya Isirayiri.
Ne bazikiriza abaana ba Amoni ne bazingiza n'ekibuga kya Labba. Naye
Dawudi n'asigala mu Yerusaalemi.
2 Olunaku olumu, mu ssaawa ez'olweggulo, Dawudi n'agolokoka,
n'atambulatambula ku kasolya ak'olubiri lwe. N'asinziira waggulu eyo
n'alengera omukazi ng'anaaba, era omukyala yali mulungi omubalagavu.
3 Dawudi n'atuma omuntu okugenda okumunoonyerezaako. Ne bako-
mawo ne bamutegeeza nti, "Oyo ye Basuseba muwala wa Eriyaamu
mukyala wa Uliya Omukiiti."
4 Awo Dawudi n'amutumya, n'ajja gy'ali, ne yeebaka naye. Yali
mu kiseera eky'okwelongoosa obutali bulongoofu bwe. Oluvannyuma
n'addayo ewuwe.
5 Omukyala n'aba olubuto, n'atumira Dawudi nti, "Ndi lubuto."
6 Awo Dawudi n'atumira Yowaabu nti, "Mpeereza Uliya Omukiiti."
Yowaabu n'aweereza Uliya eri Dawudi.
7 Uliya bwe yagenda gy'ali, Dawudi n'abuuza Yowaabu n'abaserikale
bwe baali, n'olutalo bwe lwali.
8 Awo Dawudi n'agamba Uliya nti, "Serengeta mu nnyumba yo, onaabe
ku bigere." Uliya n'afuluma olubiri, kabaka n'amuweereza ekirabo.
9 Naye Uliya n'ataserengeta wuwe, n'asula ku mulyango gw'olubiri
n'abaddu ba mukama we, Dawudi.
10 Dawudi bwe yategeezebwa nti, "Uliya teyazeeyo waka we," n'abuuza
Uliya nti, "Waakava olugendo, kiki ekikulobedde okuddayo eka ewuwo?"
11 Uliya n'addamu Dawudi nti, "Essanduuko ne Isirayiri ne Yuda baasi-
gadde mu weema, ne mukama wange Yowaabu n'abaddu ba mukama
wange basiisidde ku ttale. Kale nnyinza ntya okugenda mu nnyumba
yange okulya n'okunywa, n'okwebaka ne mukyala wange? Mazima nga
bw'oli omulamu, sijja kukola kigambo bwe kityo."

12 Awo Dawudi n'agamba Uliya nti, "Sigalawo olunaku olulala olabe
obanga enkya siikusindike kuddayo." Bwatyo Uliya n'asigalawo olunaku
olwo n'olw'enkya.
13 Dawudi n'ayita Uliya alye naye ekyekiro, n'amutamiiza akawungeezi
ak'olunaku olwo, Uliya n'agenda n'agalamira ku mukeeka gwe n'abaddu
ba mukama we, n'ataddayo wuwe.
14 Enkeera Dawudi n'awandiikira Yowaabu ebbaluwa n'agiwa Uliya
agitwale.
15 Yawandiika mu bbaluwa nti, "Uliya muteeke mu maaso ddala olutalo
we luli olw'amaanyi, mumwabulire, afumitibwe afe."
16 Awo Yowaabu bwe yali ng'ataayizza ekibuga, n'addira Uliya
n'amuteeka mu kifo kye yamanya nga waaliyo abalabe ab'amaanyi.
17 Abasajja ab'ekibuga bwe baafuluma okulwana ne Yowaabu, abamu
ku basajja ba Dawudi ne battibwa, ne Uliya Omukiiti yali omu ku abo
abattibwa.
18 Awo Yowaabu n'aweereza Dawudi amawulire gonna agafudde mu
lutalo,
19 n'alagira gwe yatuma nti, "Bw'onoomala okutegeeza kabaka
amawulire gonna agafudde mu lutalo,
20 n'alabika nga munyiivu, n'abuuza nti, 'Lwaki mwasemberedde nnyo
ekibuga nga mulwana? Temwamanya nga bajja kulasa nga basinziira ku
Bbugwe?
21 Ani eyatta Abimereki mutabani wa Yerubbesesi? Teyali mukazi e
Sebezi eyamukanyugako ejjinja eddene, kwe baseera emmere ey'empeke,
ng'asinziira ku bbugwe, n'afiirawo? Lwaki mwasembedde okumpi ennyo
ne bbugwe?' Awo onoomutegeeza nti, 'Omuddu wo Uliya Omukiiti naye
afudde.' "
22 Awo omubaka n'agenda n'ategeeza Dawudi byonna Yowaabu bye
yamutuma okwogera.
23 Omubaka n'agamba Dawudi nti, "Abasajja batusinzizza amaanyi ne
batulumba ku ttale, naye ne tubagoba okutuusa ku wankaaki ow'ekibuga.
24 Naye abalasi basinzidde ku bbugwe ne balasa abaddu, era abamu
ku baddu ba kabaka baafudde, n'omuddu wo Uliya Omukiiti naye mwe
yafiiridde."
25 Dawudi n'agamba omubaka nti, "Ggamba Yowaabu nti, 'Ekigambo
ekyo kireme okukubuza emirembe, kubanga ekitala olumu kitta omu
n'olulala ne kitta omulala. Munyiikirire okulumba ekibuga mukiwambe.'
Era Yowaabu mugambe agume omwoyo."
26 Awo mukyala wa Uliya bwe yawulira nti bba afudde,
n'amukungubagira.
27 Okukungubaga bwe kwaggwa, Dawudi n'amutumya, n'amuleeta mu
nnyumba ye, n'afuuka mukyala we, n'amuzaalira omwana owoobulenzi.
Naye ekigambo ekyo Dawudi kye yakola ne kitasanyusa MUKAMA.

# 12

*Nasani Anenya Dawudi*

1 Awo MUKAMA n'atuma Nasani eri Dawudi amugambe nti, "Waaliwo
abasajja babiri mu kibuga ekimu, omu nga mugagga, omulala nga mwavu.
2 Omugagga yalina ebisibo by'endiga bingi n'ente nnyingi;
3 naye omwavu nga taliiko bw'ali wabula yalina omwana gw'endiga
gumu nga muluusi gwe yagula. N'alabirira omwana gw'endiga ogwo,

ne gukula n'abaana be, ne gugabananga ku mmere ye, ne gunyweranga wamu naye, era n'aguleranga. Gwali ng'omwana we owoobuwala gy'ali.

4 "Lwali lumu ne wajja omutambuze eri nnaggagga, naye nnaggagga oyo n'atayagala kuddira emu ku ndiga ze oba nte ze okuteekerateekera omutambuze oyo ekyokulya. Kyeyava addira omwana gw'endiga guli ogw'omwavu n'aguteekerateekera omugenyi we."

5 Awo Dawudi n'asunguwalira nnyo omusajja nnaggagga, n'ayogera nti,
"MUKAMA nga bw'ali omulamu, omusajja akoze ekintu bwe kityo ateekwa
6 okusasula emirundi ena olw'ekikolwa ekyo, kubanga talina kusaasira,
era asaanira attibwe."
7 Nasani n'agamba Dawudi nti, "Omusajja oyo ye ggwe. Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, 'Nakufukako amafuta okuba kabaka wa Isirayiri, ne nkulokola mu mukono gwa Sawulo,
8 ne nkuwa ennyumba ya mukama wo, ne nkukwasa ne bakyala ba mukama wo, ne nkuwa ennyumba ya Isirayiri ne Yuda; ebyo singa byali tebimala nandikwongedde bingi n'okusingawo.
9 Kiki ekikunyoomezza ekigambo kya MUKAMA, n'okukola n'okola ekibi bwe kityo mu maaso ge? Watta Uliya Omukiiti n'ekitala, n'otwala mukyala we n'omufuula owuwo.'
10 Wamutta n'ekitala eky'Abaana ba Amoni. Noolwekyo ekitala tekiriva mu nnyumba yo, kubanga onnyoomye n'otwala mukyala wa Uliya Omukiiti n'omufuula owuwo.
11 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Laba, ndireeta ekikolimo mu nnyumba yo, ne nzirira bakyala bo ng'olaba ne mbawa muliraanwa wo, ne yeebaka nabo emisana.
12 Wakikola mu kyama, naye nze ndikikola mu maaso ga Isirayiri yenna,
emisana.' "
13 Awo Dawudi n'agamba Nasani nti, "Nnyonoonye MUKAMA." Nasani n'addamu nti, "Kale, MUKAMA aggyeewo ekyonoono kyo era toofe.
14 Naye olw'ekikolwa ekyo, oleetedde abalabe ba MUKAMA okumunyooma, omwana anaakuzaalirwa kyanaava afa."
15 Nasani bwe yaddayo eka, MUKAMA n'alwaza nnyo omwana muka wa Uliya gwe yazaala.
16 Dawudi ne yeegayirira Katonda ku lw'omwana, n'asiiba, n'agenda mu nnyumba ye n'amala ekiro kyonna nga yeebase wansi.
17 Abakadde ab'ennyumba ye ne bagendanga gy'ali, okumuwaliriza asituke, alye ne ku mmere, naye n'agaana.
18 Ku lunaku olw'omusanvu omwana n'afa. Naye abaddu ba Dawudi ne batya okumutegeeza nti omwana afudde, nga bagamba, nti, "Omwana bwe yali omulamu twagezaako okwogera naye, n'atatuwuliriza, olwo binaabeera bitya bwe tunaamubuulira nti omwana afudde? Ayinza okutabukira ddala."
19 Naye Dawudi n'alaba abaddu be nga boogera obwama, n'ategeera nti omwana afudde. N'ababuuza nti, "Omwana afudde?" Ne baddamu nti, "Afudde."
20 Awo Dawudi n'ava wansi, n'anaabako, ne yeerongoosa, n'akyusa ebyambalo bye, n'alaga mu nnyumba ya MUKAMA n'asinza. Oluvannyuma n'addayo mu nnyumba ye, n'asaba emmere, n'alya.
21 Abaddu be ne bamubuuza nti, "Kiki ekyo ky'okola? Omwana bwe yali omulamu, wasiiba n'okaaba, naye kati afudde, ogolokose, olya!"

22 N'addamu nti, "Omwana we yabeerera omulamu, n'asiiba ne nkaaba,
nga ndowooza nti, 'Ani amanyi, MUKAMA ayinza okunsaasira, omwana
n'aba mulamu?'
23 Naye kaakano afudde, kiki ekinsiibya? Nkyayinza okumukomyawo?
Nze ndigenda gy'ali, naye ye talikomawo gye ndi."
24 Awo Dawudi n'akubagiza mukyala we Basuseba, ne yeetaba naye,
n'aba olubuto, n'azaala omwana wabulenzi, ne bamutuuma Sulemaani,
MUKAMA n'amwagala,
25 era olw'okwagala okwo, MUKAMA kyeyava atuma Nasani nnabbi
n'amutuuma Yedidiya, amakulu nti ayagalibwa MUKAMA.
26 Mu biro ebyo Yowaabu n'alwana n'abaana ba Amoni, n'awamba
Labba ekibuga kyabwe ekikulu.
27 Yowaabu n'atumira Dawudi nti, "Nnumbye Labba, era n'amazzi
gaabwe ngasazeeko.
28 Kaakano kuŋŋaanya eggye lyonna, otabaale ekibuga ekikulu, okiwambe, nga sinnaba kukitwala, ne kituumibwa erinnya lyange."
29 Awo Dawudi n'akuŋŋaanya eggye lyonna n'ayolekera Labba,
n'akirumba era n'akiwamba.
30 N'addira engule eyali eya kabaka waabwe, obuzito bwayo kilo asatu
mu nnya eza zaabu, nga mu yo baateekamu amayinja ag'omuwendo,
n'agyetikkira ku mutwe gwe. N'atwala n'omunyago mungi ddala okuva
mu kibuga.
31 N'aggya abantu abaali mu kibuga, n'abatwala okuba abapakasi; ne bakozesanga emisomeeno, n'ensuuluulu, n'embazzi, n'abalala ne babumbanga amatoffaali. Mu ngeri y'emu n'akozesanga abantu ab'ebibuga byonna eby'abaana ba Amoni. Oluvannyuma Dawudi n'eggye lye lyonna, ne baddayo e Yerusaalemi.

# 13

*Amunoni ne Tamali*

1 Abusaalomu, mutabani wa Dawudi yalina mwannyina omulungi,
omubalagavu erinnya lye Tamali*, naye Amunoni omu ku batabani ba Dawudi omulala n'ayagala okwebaka naye.
2 Amunoni n'atawaana nnyo mu nsonga eyo n'okulwala n'alwala,
kubanga Tamali yali mbeerera†, Amunoni n'akisanga nga kizibu okumufuna.
3 Naye Amunoni yalina mukwano gwe ennyo, eyayitibwanga Yonadabu
mutabani wa Simeeya mukulu wa Dawudi, eyali omusajja omukujjukujju.
4 N'abuuza Amunoni nti, "Kiki ekikutawanyanga buli nkya, ggwe
omwana wa kabaka? Lwaki tombulira?" Amunoni n'amugamba nti, "Njagala Tamali, mwannyina Abusaalomu muganda wange."
5 Yonadabu n'amugamba nti, "Genda mu kitanda weefuule okuba
omulwadde. Kitaawo bw'anajja okukulaba mugambe nti, 'Gamba mwannyinaze Tamali ajje ampe ku kyokulya. Mukkirize anteekereteekere ekyokulya nga mmulabako n'amaaso, n'oluvannyuma andiise.' "

* **13:1** Tamali yali muwala wa Maaka, omumbejja w'e Gesuli (3:3). Amunoni yali mutabani wa Akinoamu. Akinoamu ye yali mukyala wa Dawudi omukulu, nga Amunoni ye mutabani wa Dawudi omukulu, nga y'ateekwa okusikira Dawudi ku ntebe ey'obwakabaka † **13:2** Abawala abaali tebannafumbirwa, baabeeranga mu nnyumba z'abakazi nga tebakyalira basajja, newaakubadde okukyalira bannyinaabwe.

6 Awo Amunoni n’agenda n’agalamira ku kitanda kye ne yeefuula okuba omulwadde; kabaka bwe yagenda okumulaba n’okumusaasira, Amunoni n’amugamba nti, “Nkwegayiridde, kkiriza Tamali ajje anfumbire emigaati nga mulaba ku maaso, n’oluvannyuma andiise.”

7 Awo Dawudi n’atumya Tamali n’amugamba nti, “Genda ewa muganda wo Amunoni mu nnyumba ye, omuteekereteekere ekyokulya.”

8 Tamali n’agenda ewa Amunoni n’amusanga ng’agalamidde ku kitanda kye. Tamali n’addira obuwunga n’abukanda, n’akola emigaati Amunoni ng’alaba, n’agifumba.

9 Tamali n’addira olukalango, n’aluggyako bye yafumbirako, Amunoni ng’alaba naye n’agaana okulya.

Awo Amunoni n’alagira abaddu be nti, “Buli muntu afulume.” Buli muntu n’afuluma, n’asigalamu ne Tamali.

10 Amunoni n’agamba Tamali nti, “Ndeetera emmere eno mu kisenge kyange, ondiise.” Awo Tamali n’addira emigaati gy’afumbye, n’agitwalira Amunoni mwannyina mu kisenge kye.

11 Naye bwe yagimusembereza okulya n’amukwata, n’amugamba nti, “Jjangu weebake nange, mwannyinaze.”

12 N’amuddamu nti, “Nedda, mwannyinaze, tonkwata n’amaanyi. Ekyo tekikolwa mu Isirayiri. Tokola kya kivve bwe kityo.

13 Nsaasira, nnadda wa obuswavu? Ate ggwe, onoobeera ng’omu ku basajja abasirusiru mu Isirayiri. Nkwegayiridde yogera ne kabaka, tajja kukuziyiza nkufumbirwe.”

14 Naye n’agaana okumuwuliriza, n’amukwata olw’empaka, kubanga yali amusinza amaanyi, ne yeebaka naye.

15 Oluvannyuma Amunoni n’amukyawa nnyo nnyini, okusinga ne bwe yamwagala, n’amulagira nti, “Golokoka ofulume.”

16 Tamali n’amuddamu nti, “Nedda! Okungoba kibi okusinga ekikolwa ky’onkoze.” Naye n’agaana okumuwuliriza.

17 N’ayita omuddu ey’amuweerezanga n’amugamba nti, “Omukazi oyo muggye mu maaso gange, omuggalire ebweru.”

18 Awo omuddu we n’afulumya Tamali ebweru, n’aggalawo oluggi. Yali ayambadde ekyambalo ekiwanvu nga ky’amabala mangi, kubanga eyo ye yabeeranga ennyambala ey’abambejja embeerera.

19 Tamali n’ateeka evvu mu mutwe gwe, n’ayuza ekyambalo kye, n’ateeka omukono ku mutwe gwe n’agenda ng’akaaba.

20 Abusaalomu mwannyina n’amubuuza nti, “Obadde ne mwannyoko Amunoni? Sirikawo mwannyinaze, oyo mwannyoko. Ekyo kireme okukunakuwaza.” Awo Tamali n’abeeranga ne mwannyina Abusaalomu, nga mukazi munaku.

21 Kabaka Dawudi bwe yakiwulira, n’asunguwala nnyo.

22 Naye Abusaalomu n’atabaako kigambo ky’ayogera ne Amunoni, ekirungi oba ekibi, kyokka n’akyawa Amunoni kubanga yayonoonyesa Tamali mwannyina.

### *Abusaalomu Atta Amunoni*

23 Bwe waayitawo emyaka ebiri nga kiseera kya kusala ebyoya by’endiga, ng’abasazi ba Abusaalomu bali e Baalukazoli, ekiriraanye Efulayimu, Abusaalomu n’ayita abaana ba kabaka bonna.

24 Abusaalomu n’agenda eri kabaka n’amugamba nti, “Omuddu wo alina abasazi ab’ebyoya by’endiga baaleese. Nkusaba kabaka n’abakungu be, mujje munjagulizeeko.”

25 Kabaka n'amuddamu nti, "Nedda, mwana wange. Ffenna bwe tunajja, tujja kuzitoowerera." Abusaalomu n'amwegayirira nga bw'amuwaliriza, naye n'agaana okugenda, wabula n'amusabira omukisa.

26 Awo Abusaalomu n'amugamba nti, "Ggwe bw'oba nga tojje, nkwegayiridde okkirize Amunoni agende naffe." Kabaka n'amubuuza nti, "Lwaki Amunoni agenda nammwe?"

27 Naye Abusaalomu n'amwegayirira nnyo okutuusa bwe yakkiriza Amunoni n'abaana ba kabaka bonna okugenda naye.

28 Awo Abusaalomu n'alagira abaddu be nti, "Muwulire! Mugenderere okulaba Amunoni ng'atudde, n'omutima gwe nga musanyuukirivu; bwe n'abagamba nti, 'mutte Amunoni,' mumutte. Temutya, si nze mpadde ekiragiro? Mube n'amaanyi era mube bazira."

29 Awo abasajja ba Abusaalomu ne batta Amunoni nga Abusaalomu bwe yabalagira. Abaana ba kabaka bonna ne basituka ne beebagala buli muntu ennyumbu ye ne badduka.

30 Bwe baali bakyali mu kkubo, amawulire ne gatuuka eri Dawudi nti, "Abusaalomu asse abaana ba kabaka bonna, era tewasigadde n'omu."

31 Kabaka n'agolokoka n'ayuza ebyambalo bye, ne yeebaka mu ttaka n'abaddu be bonna abaaliwo ne bayuza ebyambalo byabwe.

32 Naye Yonadabu mutabani wa Simeeya, mukulu wa Dawudi, n'ayogera nti, "Mukama wange kabaka aleme okulowooza nga basse abalangira bonna, Amunoni yekka y'afudde. Era ekyo kye kyali ekigendererwa kya Abusaalomu okuva ku lunaku Amunoni lwe yakwata Tamali mwannyina.

33 Noolwekyo mukama wange kabaka aleme okweraliikirira olw'amawulire g'afunye agagamba nti abaana ba kabaka bonna bafudde. Amunoni yekka ye afudde."

34 Kyokka Abusaalomu n'adduka. Omuvubuka omukuumi n'ayimusa amaaso ge, n'alengera abantu bangi mu kkubo ery'ebugwanjuba nga bakkirira ku mabbali g'olusozi.

35 Awo Yonadabu n'agamba kabaka nti, "Laba abaana ba kabaka bajja; kituukiridde omuddu wo kye yayogedde."

36 Bwe yali yakamala okwogera, abaana ba kabaka ne bayingira nga bakuba ebiwoobe. Kabaka n'abaddu be nabo ne bakaaba nnyo nnyini.

37 Abusaalomu ye n'addukira eri Talumaayi mutabani wa Ammikuli, kabaka w'e Gesuli, Dawudi n'amukaabiranga buli lunaku.

38 Abusaalomu n'amala e Gesuli emyaka esatu.

39 Naye omutima gwa Dawudi ne gwegomba okulaba ku Abusaalomu, kubanga yali akubagizibbwa olw'okufa kwa Amunoni.

# 14

*Abusaalomu Akomawo e Yerusaalemi*

1 Awo Yowaabu mutabani wa Zeruyiya n'ategeera nga omutima gwa kabaka gulumirwa Abusaalomu.

2 Yowaabu n'atumya omukazi omugezigezi okuva e Tekowa, n'amugamba nti, "Weefuule akungubaga, oyambale engoye ez'okukungubaga, teweesiiga mafuta, obeere ng'omukyala amaze ennaku ennyingi ng'akungubagira omufu.

3 Genda eri kabaka, omugambe ebigambo bino." Yowaabu n'amuwa ebigambo eby'okwogera.

4 Awo omukazi ow'e Tekowa n'agenda eri kabaka, n'avuunama amaaso ge ku ttaka, ne yeeyanza, n'ayogera nti, "Mbeera, ayi kabaka."

5 Kabaka n'amubuuza nti, "Nkubeere mu ki?" N'addamu nti, "Ndi nnamwandu baze yafa.

6 Nalina batabani bange babiri. Bombi baalwanira ku ttale ne wataba n'omu abataasa, omu n'atta munne.

7 Kaakano ekika kyonna kiyimukidde omuweereza wo, nga boogera nti, 'Tuwe omusajja oyo asse muganda we, tumutte olw'obulamu bwa muganda we gwe yatta, tutte n'omusika.' Mu ngeri eyo banaaba bazikizza etabaaza yokka gye nsigazza, obutalekaawo linnya lya baze wange newaakubadde obusika bwe ku nsi yonna."

8 Awo kabaka n'agamba omukazi nti, "Ddayo eka, nzija kukola ku nsonga yo."

9 Naye omukazi ow'e Tekowa n'agamba kabaka nti, "Mukama wange kabaka, omusango ka gubeere ku nze, n'ennyumba ya kitange; kabaka n'obwakabaka bwe buleme kubeerako musango."

10 Kabaka n'addamu nti, "Bwe wanaabeerawo omuntu yenna abaako kya kugamba, mundeetere, taddeyo nate kukutawanya."

11 Omukazi n'ayogera nti, "Nkwegayiridde, kabaka, ondayirire eri MUKAMA Katonda wo, awalana eggwanga olw'omusaayi era aziyiza obubi okweyongera ku bubi, mutabani wange aleme okuzikirizibwa." N'amuddamu nti, "MUKAMA nga bw'ali omulamu, tewaliba luviiri olwa mutabani wo olulimuva ku mutwe."

12 Awo omukazi n'agamba kabaka nti, "Nkwegayiridde, ka mbeeko ekigambo kye ŋŋamba mukama wange kabaka." N'amuddamu nti, "Yogera."

13 Omukazi n'ayogera nti, "Kiki ekikukoza ekigambo bwe kityo abantu ba Katonda? Kabaka aba teyeesalira yekka omusango kubanga takomezaawo omwana we eyagobebwa?

14 Ffenna tuli baakufa, ng'amazzi bwe gayiibwa ku ttaka, ne gatayinzika kuyooleka nate. Naye Katonda taggyawo bulamu, anoonya engeri gy'anaayinza okukomyawo omuntu abuze.

15 "Kale nno ekyo kye kyandeese eri kabaka, kubanga abantu bantiisizza, ne baleetera omuweereza wo okulowooza nti, 'Bwe nnaayogera ne kabaka, mpozzi aliddamu omuweereza we ky'amusaba.

16 Oboolyawo kabaka anaawulira ensonga yange, n'alokola omuzaana we mu mukono gw'omusajja agezaako okunzikiriza nze n'omwana wange okutuggyako obusika Katonda bwe yatuwa.'

17 "Era omuweereza wo yayogedde mu mutima gwe nti, 'Ekigambo kya mukama wange kabaka kye kirimpummuza, kubanga mukama wange kabaka ali nga malayika wa Katonda mu kwawulamu ebirungi n'ebibi. MUKAMA Katonda wo abeere naawe.' "

18 Awo kabaka n'agamba omukazi nti, "Tobaako n'ekimu ky'onkisa ku bye nnaakubuuza." Omukazi n'addamu nti, "Mukama wange kabaka ambuuze."

19 Kabaka n'amubuuza nti, "Omukono gwa Yowaabu guli wamu naawe mu bigambo ebyo byonna?"

Omukazi n'amuddamu nti, "Nga bw'oli omulamu mukama wange kabaka, tewali ayinza okukubuzaabuza ng'adda ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono okukuggya ku ky'oyogera mukama wange kabaka. Weewaawo, omuddu wo Yowaabu yeyandagidde, n'ampa n'ebigambo ebyo byonna.

20 Omuddu wo Yowaabu, ekyo y'akikoze okukyusa embeera eriwo kaakano. Naye mukama wange mugezigezi nga malayika wa Katonda amanyi byonna ebifa ku nsi."

21 Awo kabaka n'agamba Yowaabu nti, "Kale, nzija kukikola. Genda okime omuvubuka Abusaalomu."

22 Awo Yowaabu n'agwa bugazi ku ttaka ne yeeyanza, n'asabira kabaka omukisa, n'ayogera nti, "Leero, omuddu wo ategedde ng'alabye ekisa mu maaso go, mukama wange kabaka, kubanga kabaka azeemu okwegayirira okw'omuddu we."

23 Yowaabu n'agenda e Gesuli n'akima Abusaalomu n'amukomyawo e Yerusaalemi.

24 Naye kabaka n'awa ekiragiro nti, "Ateekwa kugenda mu nnyumba eyiye ku bubwe, tateekwa kulaba maaso gange." Awo Abusaalomu n'abeera mu nnyumba eyiye ku bubwe, n'atalaba maaso ga kabaka.

25 Mu Isirayiri yonna temwali n'omu eyatenderezebwa nga Abusaalomu olw'endabika ye ennungi, kubanga okuviira ddala ku mutwe okutuuka ku bigere teyaliiko kamogo.

26 Buli lwe yasalanga enviiri ze, lwe zali ng'ennyingi ku mutwe gwe, obuzito bw'azo bw'ali nga kilo bbiri ne desimoolo ssatu ng'ebipimo bya kabaka bwe byali.

27 Abusaalomu n'azaalirwa abaana basatu aboobulenzi n'owoobuwala omu. Omuwala ye yali Tamali nga mukyala mulungi nnyo ku maaso.

28 Abusaalomu n'abeera mu Yerusaalemi okumala emyaka ebiri nga talaba maaso ga kabaka.

29 Awo Abusaalomu n'atumya Yowaabu amutume eri kabaka, naye Yowaabu n'atagendayo. N'amutumya omulundi ogwokubiri, naye era n'agaana okugenda yo.

30 Abusaalomu n'agamba abaddu be nti, "Ennimiro ya Yowaabu eriraanye eyange, era alinamu sayiri. Mugende mugikumeko omuliro." Awo abaddu ba Abusaalomu ne bagikumako omuliro ne bagyokya.

31 Yowaabu n'agolokoka n'agenda eri Abusaalomu mu nnyumba ye n'amubuuza nti, "Lwaki abaddu bo bookezza ennimiro yange?"

32 Abusaalomu n'agamba Yowaabu nti, "Laba, nakutumya, nga ŋŋamba ojje wano nkutume eri kabaka okumubuuza nti, 'Lwaki nava e Gesuli? Kyandisinze singa nasigala eyo.' Kaakano njagala kugenda mu maaso ga kabaka, obanga nnina omusango, anzite."

33 Awo Yowaabu n'agenda eri kabaka, n'amutegeeza ebigambo ebyo. Kabaka n'atumya Abusaalomu, n'ajja, n'avuunama amaaso ge wansi mu maaso ga kabaka. Kabaka n'amunywegera.

# 15

*Obujeemu bwa Abusaalomu*

1 Bwe waayitawo ebbanga, Abusaalomu ne yeefunira amagaali, n'embalaasi, n'abasajja amakumi ataano okumukulemberangamu.

2 Yagolokokanga mu makya n'ayimirira ku mabbali g'ekkubo okwolekera wankaaki w'ekibuga. Omuntu yenna bwe yabanga n'ensonga gye yaleeteranga kabaka okulamula, Abusaalomu yamuyitanga n'amubuuza nti, "Oviira mu kibuga ki?" Bwe yaddangamu nti, "Omuddu wo aviira mu kimu ku bika bya Isirayiri,"

3 Abusaalomu n'alyoka amugamba nti, "Laba, ensonga ntuufu era etegeerekeka, naye tewali muntu anaagikulamulira."

4 Ate era Abusaalomu yayongerangako ne kino nti, "Singa nnondebwa okuba omukulembeze mu nsi, olwo buli muntu alina ensonga anajjanga gye ndi, ne mukolera ku nsonga ye."

5 Ate era omuntu yenna eyajjanga n'amuvuunamira ng'amuwa ek-
itiibwa, yagololanga omukono gwe, n'amukwatako n'amunywegera
ng'amulamusa.
6 Bw'atyo Abusaalomu bwe yeeyisanga eri Abayisirayiri bonna abaj-
janga eri kabaka nga baagala okubalamulira ensonga zaabwe. Ekyavaamu
n'abba emitima gy'abantu ba Isirayiri.
7 Oluvannyuma lw'emyaka ena, Abusaalomu n'agamba kabaka nti,
"Nkwegayiridde, nzikiriza ŋŋende e Kebbulooni, ntuukirize obweyamo
bwange bwe nakola eri MUKAMA.
8 Omuweereza wo bwe yabeeranga e Gesuli mu Busuuli, nakola
obweyamo nga ŋŋamba nti, 'MUKAMA bw'alinzizaayo e Yerusaalemi,
ndisinza MUKAMA.' "
9 Kabaka n'amuddamu nti, "Ggenda mirembe." N'asitula n'alaga e
Kebbulooni.
10 Abusaalomu n'atuma ababaka kyama mu bika byonna ebya Isirayiri,
babagambe nti, "Amangwago nga muwulidde okuvuga kw'amakondeere,
mwogere nti, 'Abusaalomu ye kabaka e Kebbulooni.' "
11 Abasajja ebikumi bibiri be baawerekera Abusaalomu oluvannyuma
olw'okuyitibwa ng'abagenyi, songa tebaalina kye baamanya ku nsonga
eyo.
12 Mu kiseera ekyo, Abusaalomu bwe yali ng'awaayo ssaddaaka,
n'atumya Akisoferi* Omugiro, omuwi w'amagezi owa Dawudi, okuva mu
kibuga ky'e Giro. Obujeemu ne bwongerwamu amaanyi n'abagoberezi ba
Abusaalomu ne beeyongeranga obungi.
13 Omubaka n'ajja n'ategeeza Dawudi nti, "Emitima gy'abantu ba
Isirayiri gigoberedde Abusaalomu."
14 Awo Dawudi n'agamba abakungu be bonna abaali naye e Yerusaalemi
nti, "Mugolokoke tudduke kubanga bwe tutaakole bwe tutyo tewaabeewo
n'omu ku ffe anaawona Abusaalomu. Tuteekwa okuvaawo amangu
nga bwe kisoboka, aleme okutusaangiriza wano okusaanyaawo ekibuga
n'ekitala."
15 Abakungu ba kabaka ne bamuddamu nti, "Abaddu bo beetegefu
okukola kyonna, mukama waffe kabaka ky'anaaba asazeewo."
16 Awo Kabaka n'asitula n'ennyumba ye yonna ne bamugoberera, naye
n'alekawo abakyala be kkumi okulabirira olubiri.
17 Kabaka n'abantu bonna abaagenda naye, bwe baatambulako aka-
banga, ne batuuka mu kifo ekimu ewalako n'olubiri ne bayimirira awo.
18 Abasajja be bonna ne bamukulemberamu, n'Abakeresi bonna
n'Abaperesi bonna, n'Abagitti olukaaga bonna abaali bamugoberedde
okuva e Gaasi ne bakumba nga bamukulembeddemu.
19 Awo kabaka n'agamba Ittayi Omugitti nti, "Lwaki otugoberera?
Ddayo obeere ne kabaka Abusaalomu. Oli munnaggwanga eyagobebwa
ewaabwe.
20 Wajja jjuuzi. Lwaki leero nkutambuza eno n'eri, nga ssinamanya gye
ndaga? Ddayo n'abantu bo. Ekisa n'emirembe bibeerenga naawe."
21 Naye Ittayi n'addamu kabaka nti, "MUKAMA nga bw'ali omulamu, era
mukama wange kabaka nga bw'ali omulamu, buli mukama wange kabaka
gy'anaagendanga, oba bulamu oba kufa, omuddu wo anaabeeranga wamu
naawe."

* **15:12** Akisoferi ye yali jjajja omusajja owa Basuseba (11:3; 23:34)

22 Dawudi n'agamba Ittayi nti, "Kale yitawo ogende mu maaso." Awo Ittayi Omugitti n'abasajja be bonna n'abantu baabwe abaali naye ne bayitawo.

23 Ab'omu byalo bonna ne bakaaba nnyo bwe baalaba abantu nga bayitawo. Kabaka naye n'asomoka akagga Kidulooni, abantu bonna ne bayitawo ne boolekera eddungu.

24 Zadooki awamu n'Abaleevi bonna abaali awamu naye, abaasitulanga essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA, baagenda ne kabaka. Essanduuko ya Katonda ne bagissa wansi, Abiyasaali naye n'ayambuka okuwaayo ssaddaaka okutuusa abantu bonna bwe baggwa mu kibuga.

25 Awo kabaka n'agamba Zadooki nti, "Zzaayo essanduuko ya Katonda mu kibuga. Bwe ndiraba ekisa mu maaso ga MUKAMA, alinkomyawo, ne ngirabako n'ekifo MUKAMA ky'abeeramu.

26 Naye bw'alisalawo nti, 'Ssiri musanyufu naawe,' ndimweteefuteefu ankole nga bw'asiima."

27 Ate era kabaka n'agamba Zadooki nti, "Toli mulabi? Ddayo mu kibuga mirembe, ne mutabani wo Akimaazi ne mutabani wa Abiyasaali, Yonasaani. Ggwe ne Abiyasaali muddeeyo ne batabani bammwe.

28 Ndirindirira ekigambo ekiriva gye muli, we tulisomokera okulaga mu ddungu."

29 Awo Zadooki ne Abiyasaali ne bazzaayo essanduuko ya Katonda e Yerusaalemi ne basigala eyo.

30 Naye Dawudi n'alinnyalinnya n'alaga ku lusozi olw'Emizeeyituuni ng'akaaba, n'omutwe ng'agubisse era ng'ali mu bigere†. Abantu bonna abaali awamu naye nabo baali beebisse emitwe era nga bakaaba.

31 Dawudi n'ategeezebwa nti, "Akisoferi ali omu ku abo abeekobaana ne Abusaalomu." Dawudi n'asaba nti, "Ayi MUKAMA Katonda nkwegayiridde, fuula amagezi ga Akisoferi obusirusiru."

32 Awo Dawudi bwe yatuuka ku ntikko y'olusozi, abantu gye baasinzizanga Katonda, Kusaayi Omwaluki‡ yaliyo okumusisinkana, ekkooti ye ng'eyulise n'omutwe gwe nga gujjudde enfuufu.

33 Dawudi n'amugamba nti, "Bw'onoogenda nange ojja kunfuukira ekizibu.

34 Naye bw'onoddayo mu kibuga, n'ogamba Abusaalomu nti, 'Ndibeera omuddu wo, ayi kabaka; nga bwe naweerezanga kitaawo mu biro eby'edda, bwe ntyo bwe nnaakuweerezanga,' onooba ombedde mu nsonga ey'okulemesa Akisoferi, afuuse omuwi w'amagezi owa Abusaalomu.

35 Zadooki ne Abiyasaali tebaliiyo? Kale bategeeze ekigambo kyonna ky'onoowulira mu lubiri.

36 Batabani baabwe ababiri, Akimaazi mutabani wa Zadooki ne Yonasaani mutabani wa Abiyasaali nabo bali eyo, era abo boonoontumiranga bwe wanaabangawo ensonga yonna."

37 Awo Kusaayi mukwano gwa Dawudi n'atuuka e Yerusaalemi, nga Abusaalomu ayingira ekibuga.

# 16

*Dawudi ne Ziba*

† **15:30** Okubikka omutwe n'okutambula nga tolina ngatto mu bigere bwali bubonero obulaga ennaku n'okukungubaga ‡ **15:32** Omwaluki Abaluki baalina oluganda ku Bayisirayiri (Yos 16:2).

1 Awo Dawudi bwe yali ng’atambuddeko ebbanga ttono n’okuva awaali olusiisira, Ziba omuddu wa Mefibosesi n’ajja okumusisinkana. Yalina endogoyi bbiri eziriko amatandiiko, nga zeetisse emigaati ebikumi bibiri, n’ebirimba eby’ezabbibu enkalu kikumi, n’ebirimba eby’ebibala eby’ekyeya kikumi, n’ekita kya wayini.

2 Kabaka n’abuuza Ziba nti, “Bino oleese bya ki?” Ziba n’addamu nti, “Endogoyi za ba mu nnyumba ya kabaka okwebagalanga, n’emigaati n’ebibala bya bavubuka okulya, ne wayini, w’abo abaliyongobera mu ddungu.”

3 Kabaka n’amubuuza nti, “Ate muzzukulu wa mukama wo ali ludda wa?” Ziba n’amuddamu nti, “Yasigadde mu Yerusaalemi, kubanga yalowoozezza nti, ‘Leero ennyumba ya Isirayiri eneenziriza obwakabaka bwa jjajjange.’ ”

4 Awo kabaka n’agamba Ziba nti, “Byonna ebibadde ebya Mefibosesi, kaakano bibyo.” Ziba n’ayogera nti, “Neeyanzizza, era ŋŋanje mu maaso go, mukama wange kabaka.”

### *Simeeyi Akolimira Dawudi*

5 Awo kabaka Dawudi bwe yali ng’anaatera okutuuka e Bakulimu ne wajja omusajja ow’omu kika ky’ennyumba ya Sawulo erinnya lye Simeeyi mutabani wa Gera; n’akolima nga bw’asembera okumpi ne we baali.

6 N’akasuukirira Dawudi n’abakungu ba kabaka amayinja, naye abaserikale bonna n’abakuumi ba Dawudi nga bamwetoolodde ku luuyi lwe olwa ddyo ne ku luuyi lwe olwa kkono.

7 Simeeyi n’akolima, nga bw’ayogera nti, “Fuluma, vva wano, ggwe omusajja eyasaaba omusaayi, era ataliiko bw’ali!

8 MUKAMA akusasudde olw’omusaayi gwonna gwe wayiwa mu nnyumba ya Sawulo, gwe waddira mu bigere. MUKAMA obwakabaka abugabidde mutabani wo Abusaalomu. Laba ekikutuusizza kw’ekyo, kubanga engalo zo zijjudde omusaayi!”

9 Awo Abisaayi mutabani wa Zeruyiya* n’agamba kabaka nti, “Lwaki embwa eyo enfu ekolimira mukama wange kabaka? Leka ŋŋende mmutemeko omutwe.”

10 Naye kabaka n’ayogera nti, “Luganda ki lwe nnina nammwe, mmwe batabani ba Zeruyiya? Bw’aba ng’ankolimira kubanga MUKAMA ye yamugambye nti, ‘Kolimira Dawudi,’ ani ayinza okubuuza nti, ‘Kiki ekikukoza bw’otyo?’ ”

11 Awo Dawudi n’agamba Abisaayi n’abakungu be bonna nti, “Obanga mutabani wange, ow’omusaayi gwange agezaako okunzita, naye ate Omubenyamini oyo. Mumuleke, akolime, kubanga MUKAMA amulagidde.

12 Oboolyawo MUKAMA anaalaba okunakuwala kwange n’ansasula obulungi olw’okukolima okwo.”

13 Awo Dawudi n’abasajja be ne bagenda ku lugendo lwabwe, naye Simeeyi n’ayitira ku lusozi okumwolekera nga bw’akolima, nga bw’amukasuukirira amayinja n’enfuufu.

14 Kabaka n’abantu bonna abaali naye ne batuuka gye baali bagenda nga bakooye. N’aweereraweerera eyo.

### *Amagezi Kusaayi ne Akisoferi ge baawa*

15 Mu kiseera kye kimu, Abusaalomu n’abantu bonna aba Isirayiri ne bajja e Yerusaalemi, ne Akisoferi n’ajja naye.

---

* **16:9** Zeruyiya yali mwannyina Dawudi, noolwekyo Abisaayi yali mutabani wa Dawudi

16 Awo Kusaayi Omwaluki, mukwano gwa Dawudi, n'ajja eri
Abusaalomu n'ayogera nti, "Kabaka awangaale! Kabaka awangaale!"
17 Abusaalomu n'abuuza Kusaayi nti, "Bw'otyo bw'olaga okwagala
eri mukwano gwo Kabaka Dawudi? Kiki ekyakulobedde okugenda ne
mukwano gwo?"
18 Kusaayi n'addamu Abusaalomu nti, "Nedda. Oyo MUKAMA
gw'anaalonda, n'abantu bano, n'abasajja bonna aba Isirayiri, n'abanga
wuwe era n'abeeranga naye.
19 Era nate n'aweereza ani okuggyako mutabani we? Nga bwe
naweerezanga kitaawo, bwe ntyo bwe nnaakuweerezanga."
20 Abusaalomu n'agamba Akisoferi nti, "Tuwe ku magezi. Tunaakola
tutya?"
21 Akisoferi n'addamu nti, "Weebake n'abakyala ba kitaawo be
yalekawo okulabirira olubiri. Isirayiri yenna bwe banaawulira ng'ofuuse
ekyenyinyalwa eri kitaawo, banaddamu amaanyi."
22 Awo ne basimbira Abusaalomu eweema waggulu ku nnyumba ne
yeebaka n'abakyala ba kitaawe, nga Isirayiri yenna balaba.
23 Mu biro ebyo okuteesa kwa Akisoferi, kwatwalibwanga okuba nga
kuva eri Katonda, era Dawudi ne Abusaalomu bwe batyo bwe baatwalanga
okuteesa kwe.

# 17

1 Awo Akisoferi n'agamba Abusaalomu nti, "Leka nnonde abasajja
omutwalo gumu mu enkumi bbiri, ŋŋende mpondere Dawudi ekiro kino.
2 Ndimulumba mu bukoowu bwe ne mu bunafu bwe ne mutiisatiisa, era
n'abantu bonna abali naye balidduka. Ndikuba kabaka yekka ne mutta,
3 naye abantu abalala bonna ndibakomyawo gy'oli. Okufa kw'omusajja
omu yekka gw'onoonya, kulikomyawo abantu bonna nga tebaliiko mu-
tawaana."
4 Ekigambo ekyo Abusaalomu n'abakadde bonna aba Isirayiri ne
bakisiima.
5 Naye Abusaalomu n'ayogera nti, "Mumpitire ne Kusaayi Omwaluki,
tuwulire ky'anaayogera ku nsonga eyo."
6 Kusaayi bwe yajja eri Abusaalomu, Abusaalomu n'amugamba nti, Ak-
isoferi, amagezi g'atuwadde ge gano. Tukole nga Akisoferi bw'agambye?
Oba nga si weewaawo, ggwe ogamba otya?
7 Kusaayi n'addamu Abusaalomu nti, "Ago amagezi Akisoferi
g'abawadde si malungi ku mulundi guno.
8 Omanyi kitaawo n'abasajja be nga basajja balwanyi era nga bakambwe
ng'eddubu erinyagiddwako abaana baalyo. Ate n'ekirala, kitaawo mul-
wanyi mumanyirivu; tayinza kusula na baserikale.
9 Ne mu kiseera kino, ayinza okuba nga yeekwese mu mpuku oba
mu kifo ekirala. Bw'anaasooka okulumba abantu bo, buli anaakiwulira
anaagamba nti, 'Bangi ku bagoberezi ba Abusaalomu battiddwa.'
10 Olwo n'omuntu omuzira mu bazira, alina omutima oguli ng'omutima
gw'empologoma, anaayongoberera ddala, kubanga Isirayiri yenna ba-
manyi kitaawo nga musajja mulwanyi, era n'abali naye basajja bazira.
11 "Naye nze amagezi ge nkuwa ge gano: kuŋŋaanya gy'oli Isirayiri
yenna okuva ku Ddaani okutuuka e Beeruseba, mu bungi bwabwe,
ng'omusenyu ogw'oku nnyanja bwe guli obungi, ggwe mwene obakulem-
bere mu lutalo.

12 Tulimulumba yonna gy'alisangibwa, ne tumugwako ng'omusulo bwe
gugwa ku ttaka. Ye newaakubadde abasajja abali naye, tewaliba n'omu
aliba omulamu.
13 Bw'aliddukira mu kibuga, Isirayiri yenna, balireeta emiguwa, ne
tukiwalulira mu mugga obutalekawo jjinja n'erimu."
14 Awo Abusaalomu n'abasajja bonna aba Isirayiri ne bakkiriziganya nti,
"Ekiteeso Kusaayi Omwaluki ky'aleese kirungi okusinga ekya Akisoferi."
MUKAMA yasiima okulemesa ekiteeso ekirungi ekya Akisoferi alyoke
azikirize Abusaalomu.
15 Naye Kusaayi n'ategeeza Zadooki ne Abiyasaali bakabona nti, "Ak-
isoferi awadde Abusaalomu n'abakadde ba Isirayiri amagezi bwe gati ne
bwe gati, naye nze mbawabudde okukola bwe bati ne bwe bati.
16 Kaakano muweereze mangu obubaka mutegeeze Dawudi nti, 'Ekiro
kya leero tosula ku misomoko egy'omu ddungu; ssomoka, kabaka
n'abantu bonna abali naye baleme okumalibwawo.' "
17 Yonasaani ne Akimaazi baabeeranga ku Enerogeri. Baali balinda
omuwala okujja okubategeeza byonna, n'oluvannyuma bagende babu-
ulire kabaka Dawudi; baali beewala okulabibwa nga bayingira mu kibuga.
18 Naye waaliwo omuvubuka eyabalaba, n'agenda n'abuulira
Abusaalomu. Amangwago bombi ne baddukira mu nnyumba ey'omwami
omu mu Bakulimu. Yalina oluzzi mu luggya lwe; ne bakka omwo.
19 Omukyala we n'addira ekisaanikira n'asaanikira ku kamwa k'oluzzi,
n'ayiwako eŋŋaano n'agisaasaanyizaako. Ne wataba n'omu eyakitegeera.
20 Awo abasajja ba Abusaalomu bwe batuuka ew'omukyala ku nnyumba,
ne bamubuuza nti, "Akimaazi ne Yonasaani bali ludda wa?" N'abaddamu
nti, "Basomose akagga ak'amazzi." Abasajja ne babanoonyako naye ne
batalaba muntu yenna, ne baddayo e Yerusaalemi.
21 Abasajja bwe baagenda, abaali beekwese ne bava mu luzzi ne bagenda
ne bategeeza kabaka Dawudi. Ne bamugamba nti, "Golokoka osomoke
mangu omugga, kubanga Akisoferi ateeseteese bw'ati ne bw'ati."
22 Awo Dawudi n'abantu bonna abaali naye ne bagolokoka ne basomoka
Yoludaani; we bwakeerera nga tewali n'omu atasomose Yoludaani.
23 Akisoferi bwe yalaba nga amagezi ge tegagobereddwa, ne yeebagala
endogoyi ye, n'agenda ewuwe mu kyalo kye waabwe. N'ateekateeka
ennyumba ye, n'oluvannyuma ne yeetuga. N'aziikibwa mu ntaana ya
kitaawe.
24 Dawudi n'agenda e Makanayimu, ne Abusaalomu n'abasajja bonna
aba Isirayiri ne basomoka Yoludaani.
25 Abusaalomu n'alonda Amasa okuba omuduumizi w'eggye mu kifo
kya Yowaabu. Amasa yali mutabani wa Isira Omuyisimayiri eyawasa
Abbigayiri muwala wa Nakasi muganda wa Zeruyiya nnyina Yowaabu.
26 Abayisirayiri ne Abusaalomu ne basiisira mu nsi ya Gireyaadi.
27 Dawudi bwe yatuuka e Makanayimu, Sobi mutabani wa Nakasi ow'e
Labba eky'Abamoni, ne Makiri* mutabani wa Ammiyeri ow'e Lodebali,
ne Baluzirayi Omugireyaadi ow'e Logerimu,
28 ne bamuleetera ebyokwebikka, n'ebibya, n'entamu, n'eŋŋaano, ne
sayiri, n'obutta, n'eŋŋaano ensiike, n'ebijanjaalo, n'empindi, ne mpokya
omusiike,
29 n'omubisi gw'enjuki, n'omuzigo, n'endiga, ne bbongo, ne babiwa
Dawudi n'abantu be okulya. Ne boogera nti, "Abantu enjala ebaluma,
era bakooye, n'ennyonta ebalumidde mu ddungu."

* **17:27** Makiri oyo ye yayaniriza Mefibosesi.

# 18

### *Okufa kwa Abusaalomu*

1 Awo Dawudi n’akuŋŋaanya abasajja be yalina, n’abalondamu abaduumizi b’enkumi n’abaduumizi b’ebikumi.

2 Dawudi n’abalagira bagende, ekimu kya kusatu nga kiduumirwa Yowaabu, ekimu kya kusatu ekirala nga kiduumirwa muganda wa Yowaabu, Abisaayi batabani wa Zeruyiya, n’ekimu kya kusatu ekirala nga kiduumirwa Ittayi Omugitti. Kabaka n’agamba abasajja nti, “Nange n’agenda nammwe.”

3 Naye abasajja ne boogera nti, “Toteekwa kugenda naffe, kubanga ffe bwe tunadduka tebaatufeeko. Ekitundu ku ffe ne bwe tunaafa tebaafeeyo. Ggwe olimu abantu omutwalo gumu ku ffe ffenna. Ekisinga obulungi weeteeketeeke okutudduukirira ng’osinziira mu kibuga.”

4 Kabaka n’addamu nti, “Kye musiimye kye nnaakola.” Awo kabaka n’ayimirira ku mabbali ga wankaaki, ng’eggye lyonna likumba okufuluma mu bibinja eby’ekikumi n’eby’olukumi.

5 Kabaka n’alagira Yowaabu, ne Abisaayi ne Ittayi ng’ayogera nti, “Omuvubuka Abusaalomu mumukwate n’ekisa ku lwange.”

Abantu bonna ne bawulira kabaka ng’awa abaduumizi bonna ebiragiro ebikwata ku Abusaalomu.

6 Awo eggye ne lifuluma ku ttale okulwana ne Isirayiri, olutalo ne luba mu kibira kya Efulayimu.

7 Abasajja ba Isirayiri ne bakubibwa abasajja ba Dawudi, era bangi ne battibwa ku lunaku olwo. Baawera ng’emitwalo ebiri.

8 Olutalo ne lubuna ensi yonna, abantu bangi ne bafiira mu kibira okusinga n’abattibwa n’ekitala.

9 Awo Abusaalomu n’asisinkana n’abasajja ba Dawudi. Yali yeebagadde ennyumbu ye. Ennyumbu n’eyita wansi w’amatabi amangi ag’omwera omunene, omutwe gwa Abusaalomu ne gulaaliramu, n’asigala ng’alengejja mu bbanga, ennyumbu gye yali yeebagadde n’egenda mu maaso.

10 Omu ku basajja bwe yakiraba n’ategeeza Yowaabu nti, “Laba nnalengedde Abusaalomu ng’awanikiddwa ku mwera.”

11 Yowaabu n’agamba omusajja eyajja okumubuulira nti, “Kiki, wamulabye? Kiki ekyakulobedde okumuttirawo? N’andikusasudde gulaamu kikumi mu kkumi na ttaano eza ffeeza ne nkuwa n’olukoba olw’obuzira.”

12 Naye omusajja n’amuddamu nti, “Ne bwe wandinsasudde kilo kkumi n’emu eza ffeeza, sandigololedde mukono gwange ku mwana wa kabaka. Ffenna twawulidde kabaka ng’abalagira ggwe, Abisaayi ne Ittayi nti, ‘Waleme okubaawo omuntu yenna anaakola Abusaalomu akabi ku lwange.’

13 Kale singa mmusse ne ngwa mu mitawaana, tewandimpolerezza, kubanga omanyi nga tewali kigambo ekikwekebwa kabaka.”

14 Yowaabu n’ayogera nti, “Sirina bbanga lya kukwonoonerako.” N’addira obusaale busatu n’abulasa mu kifuba kya Abusaalomu ng’akyali mulamu mu mwera.

15 N’abavubuka kkumi abaasitulanga ebyokulwanyisa bya Yowaabu ne beetooloola Abusaalomu ne bamukuba ne bamutta.

16 Awo Yowaabu n’afuuwa ekkondeere, eggye ne lireka okugoberera Isirayiri kubanga Yowaabu yabayimiriza.

17 Ne batwala Abusaalomu, ne bamusuula mu lunnya oluwanvu mu kibira, ne bamutuumako amayinja. Isirayiri yenna ne badduka nga buli muntu adda ewuwe.
18 Mu bulamu bwe, Abusaalomu yaddira empagi n'agiteeka mu kiwonvu kya kabaka ng'ekijjukizo kye; n'ayogera nti, "Sirina mwana wabulenzi kwe balijjuukirira erinnya lyange." Empagi n'agituuma erinnya lye, era eyitibwa kijjukizo kya Abusaalomu ne leero.

### *Dawudi Akungubagira Abusaalomu*

19 Akimaazi mutabani wa Zadooki n'ayogera nti, "Ka nziruke, ntwalire kabaka amawulire nga MUKAMA bw'amulokodde mu mukono gw'omulabe we."
20 Naye Yowaabu n'amugamba nti, "Si ggwe onootwala amawulire leero. Oligatwala olunaku olulala olutali lwa leero, kubanga mutabani wa kabaka afudde."
21 Awo Yowaabu n'agamba omusajja Omukusi nti, "Genda otegeeze kabaka by'olabye." Omukusi n'avuunama mu maaso ga Yowaabu n'adduka.
22 Akimaazi mutabani wa Zadooki n'agamba Yowaabu nate nti, "Nkwegayiridde, nzikiriza mmale gagoberera Omukusi." Yowaabu n'amuddamu nti, "Mutabani wange, kiki ekinaaba kikutwala ate nga tolina mawulire g'onootwala aganakuweesa ekirabo?"
23 N'ayogera nti, "Ka mmale gagenda."
Awo Yowaabu n'amugamba nti, "Dduka." Akimaazi n'addukira mu kkubo ery'olusenyi lwa Yoludaani n'ayisa Omukusi.
24 Awo Dawudi yali atudde wakati w'emiryango ebiri ogw'omunda n'ogw'ebweru, omukuumi n'alinnya waggulu ku wankaaki ku bbugwe. Bwe yayimusa amaaso ge n'alengera omusajja ng'ajja adduka yekka.
25 Omukuumi n'ayogerera waggulu n'ategeeza kabaka. Awo kabaka n'amugamba nti, "Bw'aba ng'ali yekka ateekwa okuba ng'aleeta mawulire malungi." Omusajja n'asembera.
26 Omukuumi n'alengera omusajja omulala ng'ajja adduka, n'akoowoola omuggazi nti, "Laba omusajja omulala ajja adduka yekka." Kabaka n'ayogera nti, "Naye ateekwa okuba ng'aleeta mawulire malungi."
27 Awo omukuumi n'ayogera nti, "Kindabikira nga enziruka ey'oli akulembedde eri ng'eya Akimaazi mutabani wa Zadooki." Kabaka n'ayogera nti, "Oyo musajja mulungi era ajja n'amawulire malungi."
28 Awo Akimaazi n'ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba kabaka nti, "Byonna birungi." N'avuunama mu maaso ga kabaka, ne yeeyala wansi n'ayogera nti, "Yeebazibwe MUKAMA Katonda wo, azikirizza abasajja abayimusizza omukono ku mukama wange kabaka."
29 Awo kabaka n'abuuza nti, "Omuvubuka Abusaalomu ali bulungi?" Akimaazi n'addamu nti, "Yowaabu bwe yabadde ng'anaatera okutuma omuddu wa kabaka, nange omuddu wo, nalabye oluyoogaano olunene, naye saategedde kyabadde wo."
30 Kabaka n'amugamba nti, "Ggwe dda wabbali." N'adda wabbali n'ayimirira awo.
31 Awo Omukusi n'atuuka, n'ayogera nti, "Wulira amawulire amalungi mukama wange kabaka. MUKAMA akulokodde leero mu mukono gw'abo bonna abakuyimukiramu."
32 Kabaka n'abuuza Omukusi nti, "Omuvubuka Abusaalomu mulamu?" Omukusi n'addamu nti, "Ekituuse ku muvubuka oyo, kituuke ku balabe

ba mukama wange kabaka, n'abo bonna abamuyimukiramu okumukola akabi."

33 Kabaka n'afuna ensisi, n'ayambuka mu kisenge ekyali waggulu wa wankaaki, n'akaaba. N'agenda nga bw'ayogera nti, "Mutabani wange Abusaalomu, mutabani wange, mutabani wange Abusaalomu. Singa nze nfudde mu kifo kyo, Abusaalomu, mutabani wange!"

# 19

1 Yowaabu n'ategeezebwa nti, "Kabaka akaaba era akungubagira Abusaalomu."

2 Ku lunaku olwo obuwanguzi ne bufuuka okukungubaga eri abantu bonna, kubanga baawulira nti, "Kabaka anakuwadde olwa mutabani we."

3 Abantu ne bebbirira ne bayingira mu kibuga, ng'abantu abakwatiddwa ensonyi bwe bafaanana nga badduse mu lutalo.

4 Kabaka n'abikka amaaso ge n'akaaba n'eddoboozi ddene nti, "Mutabani wange Abusaalomu! Woowe Abusaalomu mutabani wange!"

5 Awo Yowaabu n'alaga mu nnyumba kabaka gye yali n'amugamba nti, "Leero oswazizza abaweereza bo, abawonyezza obulamu bwo, n'obulamu bwa batabani bo ne bawala bo, n'obulamu bwa bakyala bo n'abazaana bo.

6 Oyagala abakukyawa ate n'okyawa abakwagala. Leero okikakasizza ng'abaduumizi n'abaweereza si kintu gy'oli. Era kindabikira nga singa Abusaalomu abadde mulamu, ffe ffenna nga tufudde leero, wandisanyuse.

7 Kale nno golokoka ogende ogumye emyoyo gy'abaweereza bo, kubanga nkulayirira eri Mukama, nga bwe wataabeewo musajja n'omu anaasigala naawe ekiro kya leero. Ekyo kye kirisingako obubi okusinga obubi bwonna bwe wali olabye okuva mu buto bwo."

8 Awo kabaka n'agolokoka, n'addira entebe ye n'agiteeka mu mulyango ogwa wankaaki, bonna ne bajja gy'ali.

### *Dawudi Addayo e Yerusaalemi*

Mu kiseera ekyo Abayisirayiri baali baddukidde buli muntu ewuwe.

9 Abantu bonna mu bika byonna ebya Isirayiri baali bakaayana nga boogera nti, "Kabaka yatuwonya mu mukono gw'abalabe baffe, n'atuwonya ne mu mukono gw'Abafirisuuti, kaakano adduse Abusaalomu n'ava mu nsi.

10 Naye Abusaalomu gwe twalonda okutufuga afiiridde mu lutalo. Kaakano kiki ekitulobera okukomyawo kabaka?"

11 Awo kabaka Dawudi n'atumira Zadooki ne Abiyasaali bakabona nti, "Mubuuze abakadde ba Yuda nti, 'Lwaki mmwe musembayo okukomyawo kabaka mu lubiri lwe, ebigambo nga byatuuse dda ku kabaka okuva mu Isirayiri yenna?

12 Mmwe muli baganda bange, mubiri gwange era musaayi gwange, naye lwaki mmwe musembayo okukomyawo kabaka?'

13 Ate mugambe ne Amasa nti, 'Toli mubiri gwange era musaayi gwange? Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo, bw'otobeere muduumizi wa ggye lyange mu kifo kya Yowaabu okuva ne kaakano.' "

14 N'awamba emitima gy'abantu bonna aba Yuda ne baba omuntu omu, ne baweereza obubaka eri kabaka nti, "Mukomeewo, ggwe n'abaweereza bo bonna."

15 Awo kabaka n'addayo n'atuuka ku Yoludaani. Abantu ba Yuda ne bajja e Girugaali okusisinkana kabaka, n'okumusomosa Yoludaani.

16 Simeeyi mutabani wa Gera Omubenyamini ow'e Bakulimu
n'aserengeta mangu n'abasajja ba Yuda okusisinkana kabaka Dawudi.
17 Yagenda n'Ababenyamini lukumi, ne Ziba omuddu w'ennyumba ya
Sawulo ne batabani be kkumi na bataano n'abaweereza be amakumi abiri.
Ne banguwa okulaga ku Yoludaani kabaka gye yali.
18 Ne basomosa ennyumba ya Dawudi, era ne bakola ng'okusiima kwe
bwe kwali.

Awo Simeeyi mutabani wa Gera n'asomoka Yoludaani, n'agwa bugazi
mu maaso ga kabaka,
19 n'amwegayirira ng'agamba nti, "Mukama wange ansonyiwe, aleme
okujjukira ebisobyo bye nakola ku lunaku luli, mukama wange kabaka
lwe yava mu Yerusaalemi. Kabaka aleme okukijjukira.
20 Kubanga nze omuweereza wo mmanyi nga nayonoona, naye leero
mu nnyumba eya Yusufu nze nsoose okujja okusisinkana mukama wange
kabaka."
21 Awo Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'ayogera nti, "Lwaki Simeeyi
tattibwa olw'okukolimira omulonde wa MUKAMA?"
22 Naye Dawudi n'amuddamu nti, "Kiki ekitugatta nze nammwe bata-
bani ba Zeruyiya, mulyoke mufuuke abalabe bange olwa leero? Lwaki
omuntu yenna attibwa mu Isirayiri olwa leero, ate nga mmanyi nga nze
kabaka wa Isirayiri leero?"
23 Awo kabaka n'agamba Simeeyi nti, "Tojja kufa." Era kabaka
n'amulayirira.
24 Mefibosesi muzzukulu wa Sawulo naye n'aserengeta okusisinkana
kabaka; yali tanaabanga bigere bye newaakubadde okumwa ekirevu
kye newaakubadde okwoza engoye ze, okuva ku lunaku kabaka lwe
yagenderako okutuusa ku lunaku lwe yakomawo emirembe.
25 Awo bwe yatuuka okuva e Yerusaalemi n'asisinkana kabaka, kabaka
n'amubuuza nti, "Kiki ekyakulobera okugenda nange Mefibosesi?"
26 N'addamu nti, "Mukama wange, kabaka, okimanyi nga omuweereza
wo mulema. Nagamba omuddu wange nti, 'Ntekerateekera endogoyi,
njebagale, ŋŋende ne kabaka,' naye n'ambuzaabuza, n'abulawo.
27 Yajja eri mukama wange kabaka n'ayogera ku muddu wo ebya
kalebule. Naye mukama wange kabaka ali nga malayika wa Katonda,
noolwekyo kola nga bw'osiima.
28 Ab'ennyumba ya jjajjange bonna baali basaanira kufa bufi mu maaso
ga mukama wange kabaka, naye nange n'omala gansaasira n'onzikiriza
okuba ku abo abatuula ku mmeeza yo. Kale kiki kye sifunye okuva eri
kabaka?"
29 Awo kabaka n'amugamba nti, "Lwaki weeyongera okweyogerako?
Ndagidde kaakano, ggwe ne Ziba mugabane ettaka eryo."
30 Mefibosesi n'agamba kabaka nti, "Atwale lyonna, kubanga mukama
wange kabaka akomyewo mirembe mu bwakabaka bwe."
31 Baluzirayi Omugireyaadi naye n'aserengeta okuva e Logerimu
n'agenda okusomosa kabaka, Yoludaani.
32 Baluzirayi yali musajja mukadde nnyo, ng'awezezza emyaka kinaana,
era yali agabiridde kabaka ebyokulya we yabeerera e Makanayimu
kubanga yali musajja mugagga nnyo.
33 Awo kabaka n'agamba Baluzirayi nti, "Somoka nange, tugende ffenna
e Yerusaalemi, n'akulabiriranga."
34 Naye Baluzirayi n'addamu kabaka nti, "Nnina ennaku meka okuba
omulamu, ndyoke ŋŋende ne kabaka e Yerusaalemi?

35 Mpezezza emyaka kinaana, olowooza nkyayinza okwawula ekirungi
n'ekibi? Olowooza nga omuddu wo akyayinza okutegeera ky'alya ne
ky'anywa? Nkyayinza okuwuliriza amaloboozi g'abasajja abayimba
n'abakyala abayimbi? Lwaki nzitoowerera mukama wange kabaka?
36 Omuweereza wo anasomosa busomosa kabaka, Yoludaani, naye nga
siraba kiki enkimpeesa empeera eyenkana awo.
37 Nkwegayiridde, kkiriza omuddu wo addeyo, nfiire mu kibuga kyange
okumpi n'ebiggya bya kitange ne mmange. Naye omuddu wo Kimamu
wuuyo. Leka asomoke ne mukama wange kabaka, onoomukolera byonna
nga bw'onoosiima."
38 Kabaka n'ayogera nti, "Kale Kimamu anaasomoka nange, era
ndimukolera nga bw'olisiima; ne kyonna ky'onooyagala n'akikukolera."
39 Awo abantu bonna ne basomoka Yoludaani, kabaka n'asomoka nabo.
Kabaka n'anywegera Baluzirayi n'amusabira omukisa, n'addayo ewuwe.
40 Kabaka n'agenda e Girugaali ne Kimamu n'agenda naye; abantu
bonna aba Yuda, n'ekimu kyakubiri ku bantu ba Isirayiri ne bawerekera
kabaka.
41 Oluvannyuma lwe bbanga ttono, abasajja bonna aba Isirayiri ne
bagenda eri kabaka, ne bagamba kabaka nti, "Lwaki baganda baffe,
abasajja aba Yuda, babba kabaka, ne bamutwala ye n'ennyumba ye, ne
bamusomosa Yoludaani n'abasajja be?"
42 Abasajja bonna aba Yuda ne baddamu abasajja ba Isirayiri nti, "Ekyo
twakikola kubanga tuli ba musaayi gumu naye. Kiki ekibatabudde mu
nsonga eyo? Tulina bye tulidde ku bya kabaka? Oba mulowooza nga
tulina ebirabo bye tugabanye?"
43 Awo abasajja ba Isirayiri ne baddamu abasajja ba Yuda nti, "Okusooka
byonna, obwakabaka tubulinamu emigabo kkumi. N'ekyokubiri, Dawudi
wa ku luganda lwaffe n'okusinga mmwe. Kale lwaki mwatunyooma? Si
ffe twasooka okwogera ku ky'okukomyawo kabaka waffe?"
Naye ebigambo eby'abasajja ba Yuda ne biba bisongovu nnyo
n'okusinga ebigambo eby'abasajja ba Isirayiri.

# 20

### *Seba Ajeemera Dawudi*

1 Waaliwo omusajja omujeemu erinnya lye Seba, mutabani wa
Bikuli, Omubenyamini. Yafuuwa ekkondeere n'ayogerera n'eddoboozi
ery'omwanguka nti,
"Tetulina mugabo mu Dawudi,
so tetulina busika mu mutabani wa Yese!
Buli muntu adde mu weema ye, ggwe Isirayiri!"
2 Awo abantu ba Isirayiri bonna ne balekulira Dawudi ne bagoberera
Seba mutabani wa Bikuli. Naye abantu ba Yuda bo ne basigala ne kabaka
waabwe, okuva ku Yoludaani okutuuka e Yerusaalemi.
3 Dawudi bwe yadda mu lubiri lwe e Yerusaalemi, n'addira abakyala
be ekkumi be yali alese okulabirira olubiri n'abasibira mu kkomera.
N'abagabirira mu byokulya kwabwe, naye n'atebaka nabo. Ne baggalirwa
eyo okutuusa lwe baafa, nga bali nga bannamwandu.
4 Awo kabaka n'agamba Amasa nti, "Nkuŋŋaanyiza abasajja ba Yuda
mu nnaku ssatu, naawe obeerewo."
5 Naye Amasa bwe yagenda okukola ky'alagiddwa, n'atwala ekiseera
kiwanvu okusinga kabaka kye yali amuwadde.

6 Dawudi n'agamba Abisaayi nti, "Seba mutabani wa Bikuli alitukola akabi okusinga Abusaalomu bwe yakola. Noolwekyo twala abasajja ba mukama wo omugoberere aleme okuddukira mu bibuga ebiriko bbugwe, n'atusimatuka."
7 Awo abasajja ba Yowaabu, n'Abakeresi, n'Abaperesi, n'abaserikale abazira bonna, ne bava mu Yerusaalemi ne bagenda okunoonya Seba mutabani wa Bikuli nga baduumirwa Abisaayi.
8 Bwe baatuuka ku lwazi olunene mu Gibyoni, Amasa n'ajja okubasisinkana. Yowaabu yali yeesibye ebyambalo bye eby'olutalo, ne mu kiwato nga yeesibye olukoba olwaliko ekitala ekyali mu kiraato kyakyo. Bwe yasituka, ne kisowoka mu kiraato kyakyo ne kigwa wansi.
9 Yowaabu n'alamusa Amasa ng'ayogera nti, "Mirembe, muganda wange?" Yowaabu n'akwata Amasa ekirevu n'omukono gwe ogwa ddyo, n'aba nga agenda okumunywegera.
10 Naye Amasa n'atassaayo mwoyo okwekuuma ekitala ekyali mu mukono gwa Yowaabu; Yowaabu n'akimufumita mu lubuto, n'ayiwa ebyenda bye wansi. N'atamufumita lwakubiri, Amasa bw'atyo n'afa. Awo Yowaabu ne muganda we Abisaayi ne beeyongera okugoberera Seba mutabani wa Bikuli.
11 Omu ku basajja ba Yowaabu n'ayimirira okumpi n'omulambo gwa Amasa n'ayogera nti, "Buli ayagala Yowaabu, era buli ali ku luuyi lwa Dawudi, agoberere Yowaabu."
12 Omulambo gwa Amasa ne gubeera mu musaayi gwe nga gukulukunyirizibwa omwo wakati mu luguudo. Ne wabaawo omusajja eyalaba nga buli eyatuukanga awali omulambo gwa Amasa ng'ayimirira; omusajja oyo n'agusitula n'aguggya mu luguudo n'agutwala ebbali mu nsiko, n'agusuulako olugoye.
13 Awo omulambo gwa Amasa bwe gwaggyibwa mu kkubo abantu bonna ne beeyongerayo ne Yowaabu okugoberera Seba mutabani wa Bikuli.
14 Seba n'ayita mu bika byonna ebya Isirayiri ng'abakunga okutuuka mu Aberi eky'e Besumaaka, n'ayita ne mu kitundu kyonna eky'Ababeri ne bakuŋŋaanira gy'ali ne bamugoberera.
15 Eggye lyonna eryali ne Yowaabu, ne bazingiza Seba mu Aberi eky'e Besumaaka. Ne bakola ebifunvu okutuuka ku kibuga n'okwolekera ekigo. Bwe baali nga bakyamenya bbugwe,
16 ne wavaayo omukazi ow'amagezi mu kibuga, n'akoowoola ng'ayogera nti, "Muwulirize. Muwulirize! Mugambe Yowaabu ajje wano, mbeeko kye mmugamba."
17 Yowaabu n'agenda okumpi ne we yali, omukazi n'amubuuza nti, "Ggwe Yowaabu?"

N'addamu nti, "Nze nzuuyo."

N'amugamba nti, "Wuliriza omuweereza wo by'anaayogera."

N'addamu nti, "Mpuliriza."

18 N'ayongera n'ayogera nti, "Edda baayogeranga nti, 'Bw'oba ng'olina ky'obuuza genda mu Aberi,' era ekyo kye ky'amalanga ensonga.
19 Ffe bantu abaagazi b'emirembe era abeesigwa mu Isirayiri. Mwagala okuzikiriza ekibuga, nnyina w'abaana mu Isirayiri. Lwaki oyagala okumira obusika bwa MUKAMA?"
20 Yowaabu n'addamu nti, "Kikafuuwe, nze okumira ekibuga kino newaakubadde okukizikiriza.
21 Si bwe kiri. Waliwo omusajja erinnya lye ye Seba, mutabani wa Bikuli, ow'omu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, agolodde omukono gwe eri kabaka

Dawudi. Bwe munaamuwaayo oyo omu yekka, nange nzija kulekayo
okubalumba.”
22 Omukazi n’agamba Yowaabu nti, “Omutwe gwe gunaakasukibwa
gy’oli ku bbugwe.” Awo omukazi n’agenda n’ekiteeso kye eri abantu
bonna, ne basalako omutwe gwa Seba mutabani wa Bikuli, ne bagusuulira
Yowaabu. Yowaabu n’afuuwa ekkondeere, abasajja be ne bava ku kibuga
ne basaasaana, bonna ne baddayo ewaabwe. Yowaabu ye n’addayo eri
kabaka mu Yerusaalemi.
23 Yowaabu yali muduumizi wa ggye lya Isirayiri,
ne Benaya mutabani wa Yekoyaada nga y’akulira Abakeresi,
n’Abaperesi.
24 Adolaamu ye yakuliranga abapakasi,
Yekosafaati mutabani wa Akirudi ye yali omujjukiza.
25 Seva ye yali omuwandiisi,
Zadooki ne Abiyasaali nga be bakabona,
26 ne Ira Omuyayiri nga ye kabona wa Dawudi.

# 21

*Dawudi Atangirira Abagibyoni*

1 Awo mu mirembe gya Dawudi ne waba enjala okumala emyaka esatu,
Dawudi ne yeeyongera nnyo okunoonya MUKAMA. MUKAMA n’ayogera nti,
“Ennyumba ya Sawulo ejjudde omusaayi, kubanga yatta Abagibyoni.”
2 Kabaka n’akuŋŋaanya Abagibyoni* n’ayogera gye bali. (Abag-
ibyoni tebaali Bayisirayiri naye baali bakaawonawo ab’oku baana
b’Abamoli. Abayisirayiri baali babalayiridde obutabakola kabi, naye
Sawulo olw’obuggya bwe yalina n’agezaako okubazikiriza ku lwa Isirayiri
ne Yuda.)
3 Dawudi n’abuuza Abagibyoni nti, “Mbakolere ki? Nnaabatangirira
ntya, mmwe okuwa Isirayiri, obusika bwa MUKAMA omukisa?”
4 Abagibyoni ne bamuddamu nti, “Kye twetaaga okuva eri Sawulo oba
ennyumba ye, si kigambo kya ffeeza oba zaabu, so tetulina buyinza kutta
muntu yenna mu Isirayiri.” Dawudi n’ababuuza nti, “Kiki kye mwagala
mbakolere?”
5 Ne baddamu kabaka nti, “Ku lw’omusajja eyatuyigganyanga n’ayagala
okutuuzikiriza, ne tubulwako ne we tubeera mu Isirayiri,
6 tuwe musanvu ku batabani be tubatte tubaanike mu maaso ga MUKAMA
e Gibea ekya Sawulo, omulonde wa MUKAMA.” Kabaka n’ayogera nti,
“Ndibabawa.”
7 Kabaka n’alekawo Mefibosesi mutabani wa Yonasaani, mutabani wa
Sawulo.
8 Naye kabaka n’addira Alumoni ne Mefibosesi batabani ba Lizupa
muwala wa Aya bombi be yazaalira Sawulo, ne batabani ba Mikali†
muwala wa Sawulo be yazaalira Abuliyeri mutabani wa Baluzirayi
Omumekolasi Sawulo be yalabiriranga bataano, n’abawaayo.
9 N’abawaayo eri Abagibyoni, ne babatta ne babaanika ku lusozi mu
maaso ga MUKAMA. Bonna omusanvu ne battibwa mu nnaku ezaasooka
ez’amakungula nga batandika amakungula ga sayiri.
10 Lizupa muwala wa Aya n’addira ebibukutu, n’abyaliira ku lwazi,
okuva ku ntandikwa ey’amakungula okutuusa enkuba lwe yatonnya

* **21:2** Abamoli be bantu abaabeeranga mu Kanani nga tekinnatwalibwa Bayisirayiri (Lub 15:16; Yos 24:18). Abagibyoni be Bakiivi (Yos 9:7; 11:19) † **21:8** Mikali ebiwandiiko ebimu bigamba Merabu

okuva mu ggulu, n'ataganya nnyonyi za mu bbanga newaakubadde ensolo enkambwe okulya emirambo gyabwe emisana oba ekiro.
11 Dawudi bwe yategeezebwa, Lizupa omuzaana wa Sawulo, muwala wa Aya, kye yakola,
12 n'agenda, n'aggya amagumba ga Sawulo n'aga mutabani we Yonasaani ku bantu ab'e Yabesugireyaadi, Abafirisuuti gye baagawanika, ku lunaku kwe battira Sawulo e Girubowa, abaali bagatutte mu bubba mu kifo ekigazi eky'abantu bonna e Besusani.
13 Dawudi n'aggyayo amagumba ga Sawulo n'aga mutabani we Yonasaani, n'agakuŋŋaanya n'amagumba g'abo abattibwa ne baanikibwa.
14 Ne baziika amagumba ga Sawulo n'aga mutabani we Yonasaani mu ntaana ya Kiisi kitaawe wa Sawulo, e Zeera mu nsi ya Benyamini, ne bakola byonna kabaka bye yalagira. Oluvannyuma Katonda n'addamu okusaba kw'ensi.

*Entalo n'Abafirisuuti*

15 Ne waba nate olutalo wakati w'Abafirisuuti n'Abayisirayiri. Dawudi n'aserengeta n'abasajja be okulwana n'Abafirisuuti, n'akoowa nnyo.
16 Awo Isubibenobu omu ku bazzukulu b'agasajja agawanvu yalina effumu ng'obuzito bw'omutwe gw'alyo kilo ssatu n'ekitundu ng'alina n'ekitala ekiggya, n'ayogera nti agenda okutta Dawudi.
17 Naye Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'adduukirira Dawudi, n'alumba Omufirisuuti, n'amutta. Awo abasajja ba Dawudi ne bamulayirira nti, "Tokyatabaala naffe ettaala ya Isirayiri ereme okuzikira."
18 Bwe waayitawo ebbanga ne wabaawo olutalo olulala n'Abafirisuuti e Gobu. Sibbekayi[‡] Omukusasi n'atta Safu omu ku bazzukulu b'agasajja gali agawanvu.
19 Ne wabaawo nate olutalo olulala n'Abafirisuuti e Gobu, Erukanani[§] mutabani wa Yayiri Omubesirekemu n'atta muganda wa Goliyaasi Omugitti eyalina olunyago lw'effumu olwali ng'omuti ogulukirwako engoye.
20 Ne waba olutalo olulala e Gaasi, ne wabaayo omusajja omuwanvu ennyo eyalina engalo mukaaga ku buli mukono n'ebigere mukaaga ku buli kigere, byonna awamu abiri mu bina. Era naye yali muzzukulu w'agasajja gali agawanvu ennyo.
21 Bwe yasoomooza Isirayiri, Yonasaani mutabani wa Simeeya, muganda wa Dawudi, n'amutta.
22 Abo abana baali bazzukulu b'agasajja gali agawanvu ennyo mu Gaasi, era bonna ne bagwa mu mukono gwa Dawudi ne basajja be.

# 22

*Oluyimba lwa Dawudi olw'Okutendereza*

1 Awo Dawudi n'ayimbira MUKAMA ebigambo eby'oluyimba luno, MUKAMA bwe yamulokola mu mukono gw'abalabe be ne mu mukono gwa Sawulo.
2 N'ayogera nti,
"MUKAMA lwe lwazi lwange, era ekigo kyange era omulokozi wange;
3 Katonda wange lwe lwazi lwange, omwo mwe neekweka,

‡ **21:18** Sibbekayi ye yaduumiranga ekibinja ky'eggye lya Dawudi ky'omunaana (1By 27:11). Nzaalwa ya Kusa ekiri mu bukiikaddyo bw'ebuvanjuba bw'e Besirekemu. § **21:19** Erukanani yali kitaawe wa Dawudi omuto (1By 11:26).

ye ngabo yange era amaanyi ge bwe bulokozi bwange.
Kye kiddukiro kyange, mwe nneekweka era ye mulokozi wange;
ggwe ondokola eri abantu ababi.
4 Nkaabira MUKAMA asaanidde okutenderezebwa,
n'andokola eri abalabe bange.

5 "Amayengo ag'okufa ganzingiza;
embuyaga ez'okusaanawo zansaanikira.
6 Ebisiba eby'amagombe byanneetooloola;
n'emitego gy'okufa ne ginjolekera.
7 Mu nnaku yange nakoowoola MUKAMA;
nakoowoola Katonda wange.
Yawulira eddoboozi lyange ng'ali mu yeekaalu ye;
n'okukaaba kwange kwamutuukako.

8 "Ensi n'ekankana n'ejjugumira,
emisingi gy'eggulu ne ginyeenyezebwa,
ne gikankanyizibwa kubanga yali asunguwadde.
9 Omukka ne gunyooka okuva mu nnyindo ze,
n'omuliro ne guva mu kamwa ke,
n'amanda agaaliko omuliro ne gava mu ye.
10 Yayabuluza eggulu n'akka wansi;
ebire ebikutte nga biri wansi w'ebigere bye.
11 Ne yeebagala kerubi n'abuuka,
n'aseeyeeyeza ku biwaawaatiro by'empewo.
12 Yafuula ekizikiza ekyamwetooloolanga okuba enkuufiira,
n'ebire ebikutte okuba ekitaba ky'amazzi.
13 Okumasamasa okwali mu maaso ge
kwayakisa amanda ag'omuliro.
14 MUKAMA yabwatuka ng'asinziira mu ggulu;
Ali Waggulu Ennyo n'ayogera mu ddoboozi lye.
15 Yalasa obusaale n'asaasaanya abalabe
n'okumyansa okw'eggulu, n'abawangula.
16 Ebiwonvu eby'omu nnyanja ne bibikkulwa
n'emisingi gy'ensi ne gyeruka
olw'okunenya kwa MUKAMA
n'olw'okubwatuka kw'omukka ogw'omu nnyindo ze.

17 "Yasinzira waggulu n'antwala
n'ansika mu mazzi amangi.
18 Yamponya abalabe bange ab'amaanyi abankyawa,
abo abaali bansinza amaanyi.
19 Bannumba mu nnaku yange
naye MUKAMA n'ampanirira.
20 Yandeeta mu kifo ekigazi;
yandokola kubanga yansanyukira.

21 "MUKAMA yampa empeera yange ng'obutuukirivu bwange bwe bwali;
n'ansasula ng'obulongoofu bwe ngalo zange bwe buli.
22 Ntambulidde mu kkubo lya MUKAMA,
era sivanga ku Katonda wange okukola ebitali bya butuukirivu.

23 Amateeka ge gonna gaali mu maaso gange,
era ssaava ku biragiro bye.
24 Sizzanga na musango mu maaso ge,
era neekuumye eri obutali butuukirivu.
25 MUKAMA kyavudde ansasula ng'obutuukirivu bwange bwe buli,
era ng'obulongoofu bwange bwe buli mu maaso ge.

26 "Eri abeesigwa weeraga okuba omwesigwa;
n'eri abatalina musango ne weeraga obutaba na musango;
27 eri omulongoofu weeraga okuba omulongoofu
n'eri omukujjukujju ne weeraga okuba omukujjukujju okumusinga.
28 Olokola abantu abawombeefu,
naye amaaso go ganoonya ab'amalala n'obakkakkanya.
29 Oli ttaala yange, Ayi MUKAMA
era MUKAMA wange yammulisiza mu nzikiza yange.
30 Ku lulwe mpangula eggye,
era ku lwa Katonda wange mbuuka bbugwe.
31 Ekkubo lya Katonda golokofu,
n'ekigambo kye kituukirira;
era ngabo eri abo bonna
abaddukira gy'ali.
32 Kubanga ani Katonda wabula MUKAMA,
era ani lwazi okuggyako Katonda waffe?
33 Katonda kye kiddukiro kyange,
era alongoosa ekkubo lyange.
34 Ebigere byange abifuula okuba ng'eby'ennangaazi,
era ampanirira mu bifo ebya waggulu.
35 Anteekateeka okulwana entalo,
era n'ansobozesa okulasa obusaale obw'ebikomo.
36 Ompadde engabo ey'obulokozi bwo,
ne weefeebya ne wessa wansi olyoke onfuule ow'ekitiibwa.
37 Ogaziyizza ekkubo mwe mpita,
n'obukongovvule bwange tebukoonagana.

38 "Nagoba abalabe bange ne mbazikiriza,
so saakyuka kudda mabega okutuusa lwe baamalibwawo.
39 Na babetentera ddala ne batayinza kuyimuka,
era bali wansi w'ebigere byange.
40 Wampa amaanyi okulwana entalo,
n'oteeka abo abanjigganya wansi wange.
41 Waleetera abalabe bange okunziruka,
ne nsanyaawo abo abankyawa.
42 Baalindirira okuyambibwa naye ne wataba n'omu ababeera,
ne bakaabira MUKAMA, naye n'atabaanukula.
43 Nabasekulasekula ne bafuuka ng'enfuufu ey'oku nsi,
ne mbabetenta, ne mbalinnyirira ne bafuuka ng'ebitosi eby'omu nguudo.

44 "Ondokodde mu nnumbagana ez'abantu bange,
n'onfuula omukulu w'amawanga;
abantu be saamanya be bampeereza.

45 Bannaggwanga bajja gye ndi nga beegayirira,
bwe bawulira eddoboozi lyange ne baŋŋondera.
46 Bonna baggwaamu omwoyo,
ne bajja nga bakankana okuva gye beekwese.

47 "MUKAMA mulamu! Olwazi lwange yeebazibwe.
Agulumizibwe Katonda wange, olwazi lwange, era obulokozi bwange.
48 Oyo ye Katonda ampalanira eggwanga,
era ateeka amawanga wansi wange;
49 anziggya mu balabe bange.
Wangulumiza okusinga abalabe bange,
n'ondokola okuva mu basajja abakambwe.
50 Kyenaava nkutenderezanga, Ayi MUKAMA Katonda, mu mawanga gonna,
era nnaayimbanga nga ntendereza erinnya lyo.
51 Kabaka we amuwadde obuwanguzi obw'amaanyi,
era alaze okwagala okutayogerekeka eri oyo gwe yafukako amafuta,
eri Dawudi n'ezzadde lye emirembe gyonna."

# 23

*Ebigambo ebya Dawudi eby'Enkomerero*

1 Bino bye bigambo ebya Dawudi, mutabani wa Yese, eby'enkomerero:
ebigambo eby'omusajja eyagulumizibwa,
Ali Waggulu ennyo,
Katonda wa Yakobo gwe yafukako amafuta,
omuyimbi wa Zabbuli za Isirayiri:

2 "Omwoyo wa MUKAMA yayogerera mu nze,
ekigambo kye kyali mu kamwa kange.
3 Katonda wa Isirayiri yayogera,
olwazi lwa Isirayiri yaŋŋamba nti,
'Omuntu bw'afuga n'obutuukirivu,
n'afugira mu kutya Katonda,
4 ali ng'ekitangaala eky'oku makya,
enjuba ng'evaayo ku ggulu nga tekuli bire,
obudde nga butangaala oluvannyuma lw'enkuba okukya
ereetera omuddo okuvaayo mu ttaka.'
5 Ennyumba yange tetuukiridde mu maaso ga Katonda?
Teyalagaana nange endagaano ey'enkalakkalira,
n'agiteekateeka era n'aginyweza mu buli nsonga?
Ekimulobera okumpa omukisa,
n'okuddamu buli kye mmusaba, kiki?
6 Naye abatatya Katonda baliba nga amaggwa agasuulibwa wa bbali,
kizibu okugakwata n'engalo.
7 Buli agakwatako kimugwanira okukozesa ekyuma
oba olunyago lw'effumu,
era gookerwa awo omuliro we bagakuŋŋaanyirizza."

*Abasajja ba Dawudi ab'Amaanyi*

8 Gano ge mannya ag'abasajja ba Dawudi abalwanyi ab'amaanyi be
yalina: Yosebu-Basusebesi Omutakemoni eyali omukulu wa bazira abasatu
ab'oku ntikko; yatta abasajja lunaana mu lulumbagana lumu.

9 Eyamuddiriranga ye yali Eriyazaali mutabani wa Dodayi Omwakowa.
Yali ne Dawudi bwe baasoomooza Abafirisuuti abaali bakuŋŋaanye
okulwana. Abasajja ba Isirayiri baali bazze ennyuma,
10 naye ye nayimirira ku bubwe n'atta Abafirisuuti, n'omukono gwe
ne gukoowa, ne gusanyalalira ku kitala. MUKAMA n'abawa obuwanguzi
obw'amaanyi olunaku olwo, abaserikale ne baddayo eri Eriyazaali okun-
yaga ebintu byabo abattibwa.
11 Owookusatu ye yali Samma mutabani wa Agee Omukalali.
Abafirisuuti bwe baakuŋŋaanira mu musiri ogw'ebijanjaalo, abasajja ba
Isirayiri ne babadduka,
12 Samma yayimirira wakati mu musiri, n'agulwanirira, era n'atta
Abafirisuuti. MUKAMA n'awa Abayisirayiri obuwanguzi obw'amaanyi.
13 Mu kiseera eky'okukungula, basatu ku bakungu amakumi asatu ne
bagenda eri Dawudi mu mpuku eya Adulamu, ekibinja ky'Abafirisuuti nga
basiisidde mu kiwonvu Lefayimu.
14 Mu kiseera ekyo Dawudi yali mu kigo, n'olusiisira lw'Abafirisuuti nga
luli mu Besirekemu.
15 Dawudi n'alumwa ennyonta, n'ayogera nti, "Waliwo omuntu ay-
inza okunsenera amazzi okuva mu luzzi oluliraanye wankaaki wa
Besirekemu?"
16 Awo abasajja be abazira abasatu ne bawaguza mu nkambi
ey'Abafirisuuti, ne basena amazzi okuva mu luzzi lwa Besirekemu olwali
luliraanye wankaaki, ne bagatwalira Dawudi.
17 Naye mu kifo eky'okuganywa n'agayiwayo eri MUKAMA. N'ayogera
nti, "Kikafuuwe, Ayi MUKAMA Katonda, nze okukola ekyo. Nnyinza
ntya okunywa omusaayi ogw'abasajja abawaddeyo obulamu bwabwe?"
Bw'atyo n'ataganywa.
Ebyo bye bimu ku bintu abasajja abo abasatu abazira bye baakola.
18 Waaliwo ne Abisaayi muganda wa Yowaabu, mutabani wa Zeruyiya,
naye nga mukulu w'abasajja amakumi asatu. Yayimusiza effumu lye eri
abasajja ebikumi bisatu n'abatta, ne yeekolera erinnya okwenkanankana
abasatu.
19 N'aba wa kitiibwa nnyo mu bali amakumi asatu newaakubadde nga
teyatuuka ku ssa ery'abali abasatu.
20 Ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ow'e Kabuzeeri yali musajja
mulwanyi nnyo eyakola ebyobuzira ebikulu. Yatta babiri ku basajja
abazira aba Mowaabu, ate n'aserengeta ne mu bunnya n'atta empologoma
mu kiseera eky'obutiti.
21 N'atta Omumisiri omunene ennyo. Newaakubadde ng'Omumisiri
yalina effumu mu mukono gwe, Benaya ye ng'alina muggo; yamunyagako
effumu lye, n'alimuttisa.
22 Ebyo bye byobuzira Benaya mutabani wa Yekoyaada bye yakola, era
naye n'ayatiikirira ng'abasajja bali abasatu abazira.
23 N'aweebwa ekitiibwa mu makumi asatu, newaakubadde nga tey-
atuuka ku ssa ery'abasatu. Dawudi n'amufuula omukulu w'abambowa.

24 Mu makumi asatu mwe mwali:

Asakeri muganda wa Yowaabu,
Erukanani mutabani wa Dodo ow'e Besirekemu,
25 Samma Omukalodi,
Erika Omukalodi,

26 Kerezi Omupaluti,
Ira mutabani wa Ikkesi Omutekowa,
27 Abiyezeeri Omwanasosi,
Mebunnayi Omukusasi,
28 Zalumoni Omwakowa,
Makalayi Omunetofa,
29 Kerebu mutabani wa Baana Omunetofa,
Ittayi mutabani wa Libayi ow'e Gibea eky'e Benyamini,
30 Benaya Omupirasoni,
Kiddayi ow'oku bugga obw'e Gaasi,
31 Abi-Aluboni Omwalubasi,
ne Azumavesi Omubalukumi,
32 ne Eriyaba Omusaaluboni,
batabani ba Yaseni, Yonasaani,
33 ne Samma Omukalali,
Akiyamu mutabani wa Salali Omwalali,
34 Erifereti mutabani wa Akasubayi Omumaakasi,
Eriyaamu mutabani wa Akisoferi Omugiro,
35 Kezulo Omukalumeeri,
Paalayi Omwalubi,
36 Igali mutabani wa Nasani ow'e Zoba,
Bani Omugaadi,
37 Zereki Omwamoni,
Nakalayi Omubeerosi, eyasitulanga ebyokulwanyisa bya Yowaabu mutabani wa Zeruyiya,
38 Ira Omuyisuli,
Galebu Omuyisuli,
39 ne Uliya Omukiiti.

Bonna awamu baali amakumi asatu mu musanvu.

# 24

### *Dawudi Abala Eggye*

1 Awo MUKAMA n'asunguwalira Isirayiri nate, n'aleetera Dawudi okuba-
bala. Dawudi n'alagira nti, "Genda obale Isirayiri ne Yuda."

2 Kabaka n'alagira Yowaabu n'abaduumizi ab'eggye nti, "Mugende mu bika byonna ebya Isirayiri okuva e Ddaani okutuuka e Beeruseba mubale abantu, ntegeere omuwendo gwabwe."

3 Naye Yowaabu n'addamu kabaka nti, "MUKAMA Katonda wo ayongere ku bantu bo emirundi kikumi n'okusingawo, nga mukama wange kabaka akyali mulamu. Naye kiki ekikukoza ekintu bwe kityo mukama wange kabaka?"

4 Naye ekigambo kya kabaka ne kisinga amaanyi ebigambo bya Yowaabu n'abaduumizi b'eggye, era ne bava mu maaso ga kabaka ne batanula okubala abantu ba Isirayiri.

5 Oluvannyuma olw'okusomoka Yoludaani, ne basiisira okumpi ne Aloweri ku luuyi olw'obukiikaddyo olw'ekibuga mu kiwonvu, ne bayitira mu Gaadi okutuuka e Yazeri.

6 Ne bagenda e Gireyaadi ne mu kitundu kya Tatimukodusi, ne batuuka e Ddaani-Yaani ne beebungulula ne baggukira e Sidoni.

7 Ne bagenda ku kigo eky'e Ttuulo ne mu bibuga byonna eby'Abakiivi*
n'eby'Abakanani, ne bakomekkereza omulimu gwabwe e Beeruseba mu bukiikaddyo obwa Yuda.

8 Awo oluvannyuma olw'okuyitaayita mu nsi yonna omulimu nga bagukoledde emyezi mwenda n'ennaku amakumi abiri, ne baddayo e Yerusaalemi.
9 Yowaabu n'awaayo omuwendo gw'abantu bonna eri kabaka. Mu Isirayiri mwaweramu abasajja abalwanyi emitwalo kinaana, ne mu Yuda ne muweramu abasajja abalwanyi emitwalo amakumi ataano.
10 Naye Dawudi n'akeŋŋeentererwa emmeeme olw'ekikolwa ekyo eky'okubala abantu. N'agamba Mukama nti, "Nnyonoonye nnyo olw'ekyo kye nkoze. Kaakano, Ayi Mukama Katonda nziggyako omusango guno omuddu wo gw'azizza, kubanga nkoze eky'obusirusiru."
11 Awo mu kiro ekigambo kya Mukama Katonda ne kijjira nnabbi Gaadi, omulabi wa Dawudi nti,
12 "Genda otegeeze Dawudi nti, 'Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda nti: ku bino ebisatu londawo ekimu kye nnaakukola.' "
13 Gaadi n'agenda eri Dawudi n'amugamba nti, "Ndireeta enjala mu nsi okumala emyaka musanvu? Oba, ndikuddusa mu maaso g'abalabe bo okumala emyezi esatu, nga bakugoba? Oba, walibaawo ennaku ssatu eza kawumpuli mu nsi yo? Kirowoozeeko, ontegeeze ky'onoosalawo, nzizeeyo obubaka eri oyo antumye."
14 Awo Dawudi n'agamba Gaadi nti, "Nsobeddwa nnyo; wakiri tugwe mu mukono gwa Mukama Katonda, kubanga okusaasira kwe kungi; okusinga okugwa mu mikono gy'abantu."
15 Awo Mukama Katonda n'aweereza kawumpuli ku Isirayiri okuva ku makya okwo okumala ekiseera Mukama kye yateekateeka, abantu emitwalo musanvu ne bafa okuva mu bitundu ebya Ddaani okutuuka e Beeruseba.
16 Malayika bwe yagolola omukono gwe eri Yerusaalemi okukizikiriza, Mukama ne yejjusa olw'ekikolwa ekyo, n'agamba malayika eyabonereza abantu nti, "Kinaamala, toyoongera nate." Olwo malayika wa Mukama Katonda yali atuuse ku gguuliro lya Alawuna Omuyebusi.
17 Awo Dawudi bwe yalaba malayika wa Mukama Katonda eyabonereza abantu, n'ayogera nti, "Nze nnyonoonye era nze nkoze eby'ekyejo, naye endiga zino, tezirina kye zikoze. Nkwegayiridde, omukono gwo ka gubonereze nze n'ennyumba ya kitange."

### *Dawudi Azimbira Mukama Ekyoto*

18 Ku lunaku olwo Gaadi n'agenda eri Dawudi n'amugamba nti, "Yambuka ozimbire Mukama Katonda ekyoto ku gguuliro† lya Alawuna Omuyebusi."
19 Awo Dawudi n'agondera ebiragiro bya Mukama Katonda bye yayisa mu Gaadi, n'ayambuka ku gguuliro.
20 Alawuna n'alengera kabaka n'abasajja be nga bajja gy'ali, n'afuluma n'avuunama mu maaso ga kabaka, ne yeeyala wansi.
21 Alawuna n'abuuza nti, "Kiki ekireese mukama wange kabaka eri omuddu we?" Dawudi n'addamu nti, "Nzize okugula egguuliro lyo, nzimbire Mukama ekyoto, kawumpuli aleke okubuna mu bantu."

---

* **24:7** Abakiivi n'Abakanani be baabeeranga mu nsi y'e Kanani, Abayisirayiri nga tebannagitwala.
† **24:18** Gguuliro Amagguuliro gaabeeranga waggulu ku busozi, empewo gye yabeeranga ennyingi.

22 Alawuna n'agamba Dawudi nti, "Mukama wange kabaka atwale
kyonna ky'anaasiima akiweeyo. Ente ziizo ez'ekiweebwayo ekyokebwa,
n'ebintu ebiwuula n'ebikoligo by'ente byonna mbiwaddeyo okuba enku.
23 Ebyo byonna, Alawuna abiwaddeyo eri kabaka." Alawuna
n'ayongerako nti, "Olabe ekisa mu maaso ga MUKAMA Katonda wo."
24 Naye kabaka n'agamba Alawuna nti, "Nedda, nzija kulisasulira‡. Sijja
kuwaayo ssaddaaka ez'ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Katonda
wange, nga sisasulidde muwendo."

Awo Dawudi n'asasulira egguuliro n'ente, omuwendo ogw'enkana
effeeza, gulaamu lukaaga.
25 Dawudi n'azimbira MUKAMA ekyoto n'awaayo ebiweebwayo
ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe. Olwo MUKAMA Katonda
n'ayanukula okusaba kwe ku lw'ensi, kawumpuli n'ava ku Isirayiri.

‡ **24:24** Dawudi n'agula akasozi konna aka Moliya. Mu kifo ekyo mwe yazimba Yeekaalu ya MUKAMA, okumpi ennyo n'ekibuga kya Dawudi ku luuyi lw'obukiikakkono (1By 22:1; 2By 3:1).

# Ekitabo Ekiyitibwa Bassekabaka eky'Olubereberye

*Adoniya yeefuula Kabaka*

1 Awo kabaka Dawudi bwe yali akaddiye nnyo, nga ne bwe bamubikka takyabuguma,
2 abaweereza be ne bamuwa ekirowoozo nti, "Banoonyeze mukama waffe kabaka, omuwala embeerera ayimirirenga mu maaso ga kabaka era amuweerezenga; era agalamirenga mu kifuba kya mukama waffe kabaka amubugumyenga."
3 Awo ne banoonya okubuna ensalo zonna eza Isirayiri omuwala omulungi, ne bazuula Abisaagi Omusunammu, ne bamuleetera kabaka.
4 Omuwala oyo yali mulungi nnyo; n'ajjanjabanga kabaka era n'amuweerezanga, naye kabaka teyamumanya.
5 Awo Adoniya* mutabani wa Dawudi gwe yazaala mu Kaggisi ne yeegulumiza ng'ayogera nti, "Nze ndiba kabaka." Ne yeetegekera amagaali n'abeebagala embalaasi, n'abasajja amakumi ataano ab'ebigere okuddukiranga mu maaso ge.
6 Kitaawe n'atamunenya ku mubuuza nti, "Lwaki weeyisa bw'otyo?" Adoniya yali alabika bulungi nnyo, nga y'adda ku Abusaalomu.
7 Adoniya yateesa ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya† ne Abiyasaali kabona, ne baamuwagira.
8 Naye Zadooki kabona, ne Benaya mutabani wa Yekoyaada, ne Nasani nnabbi, ne Simeeyi, ne Leeyi, n'abasajja ba Dawudi ab'amaanyi abalala tebaali ku ludda lwa Adoniya.
9 Adoniya n'attira endiga n'ente n'ebyassava awali ejjinja Zokeresi eririraanye Enerogeri, n'ayita baganda be bonna, abaana ba kabaka, n'abakungu bonna aba Yuda,
10 naye n'atayita Sulemaani muganda we wadde Nasani nnabbi, newaakubadde Benaya, newaakubadde abasajja ba Dawudi ab'amaanyi abalala.
11 Awo Nasani n'agenda eri Basuseba nnyina Sulemaani n'amugamba nti, "Towulidde nga Adoniya mutabani wa Kaggisi alidde obwakabaka, Dawudi mukama waffe nga takimanyi?
12 Kale nno kankuwe amagezi, owonye obulamu bwo n'obwa mutabani wo Sulemaani.
13 Genda eri Kabaka Dawudi, omugambe nti, 'Mukama wange Kabaka, tewalayirira muzaana wo nti, Sulemaani mutabani wo y'alirya obwakabaka oluvannyuma lwange, era y'alituula ku ntebe yange ey'obwakabaka? Kale lwaki Adoniya alidde obwakabaka?'
14 Laba bw'onooba ng'okyayogera ne kabaka, nange nnaayingira ne nkakasa ebigambo byo."
15 Awo Basuseba n'agenda eri Kabaka, mu kisenge kye, era Kabaka yali mukadde nnyo nga Abisaagi Omusunammu amuweereza.

* **1:5** Adoniya ye yali mutabani wa Dawudi owookuna (2Sa 3:4) ng'aweza emyaka nga asatu mu etaano. Amunoni, ne Abusaalomu, ne Kiriyaabu (eyafa nga muto) bonna baali baafa
† **1:7** Zeruyiya ye yali mwannyina Dawudi.

16 Basuseba n'akka n'afukamirira kabaka.
Kabaka n'amubuuza nti, "Nkukolere ki?"
17 N'amuddamu nti, "Mukama wange, ggwe walayirira omuzaana wo eri
MUKAMA Katonda wo nti, 'Sulemaani mutabani wo y'alirya obwakabaka
oluvannyuma lwange, era y'alituula ku ntebe yange ey'obwakabaka.'
18 Naye kaakano Adoniya alidde obwakabaka, newaakubadde mukama
wange kabaka, tokimanyi.
19 Asse ente, n'ebyassava n'endiga nnyingi, era ayise abaana ba kabaka
bonna, ne Abiyasaali kabona, ne Yowaabu omukulu w'eggye, naye
Sulemaani omuddu wo tamuyise.
20 Kaakano mukama wange kabaka, amaaso ga Isirayiri gatunuulidde
gwe, okubategeeza anaatuula ku ntebe y'obwakabaka eya mukama wange
kabaka, oluvannyuma lwe.
21 Bw'otookole bw'otyo, awo olulituuka, mukama wange kabaka
bw'olyebakira awamu ne bajjajjaabo, nze ne mutabani wange Sulemaani
tuliyitibwa babi."
22 Awo bwe yali akyayogera ne kabaka, Nasani nnabbi n'ayingira.
23 Ne babuulira kabaka nti, "Nasani nnabbi ali wano." Awo n'ayingira
mu maaso ga kabaka, era n'avuunama amaaso ge mu maaso ga kabaka.
24 Nasani n'ayogera nti, "Mukama wange, wagamba nti Adoniya y'alirya
obwakabaka oluvannyuma lwo, era y'alituula ku ntebe yo?
25 Olwa leero aserengese, era asse ente, n'ebyassava n'endiga nnyingi,
era ayise abaana ba kabaka bonna n'abakulu b'eggye ne Abiyasaali
kabona. Mu kiseera kino balya era banywera wamu naye, nga boogera
nti, 'Kabaka Adoniya awangaale!'
26 Naye nze omuddu wo, ne Zadooki kabona, ne Benaya mutabani wa
Yekoyaada n'omuddu wo Sulemaani, tatuyise.
27 Kino mukama wange kabaka, okikoze n'ototegeeza baweereza bo ali-
tuula ku ntebe ya mukama wange kabaka ey'obwakabaka, oluvannyuma
lwe?"
28 Awo Kabaka Dawudi n'addamu nti, "Muyite Basuseba." Basuseba
n'ajja awali kabaka n'ayimirira mu maaso ge.
29 Awo kabaka n'alayira ng'ayogera nti, "Nga MUKAMA bw'ali omulamu
eyannunula mu buli kabi konna;
30 era nga bwe nakulayirira mu maaso ga MUKAMA, Katonda wa Isirayiri,
Sulemaani mutabani wo y'alirya obwakabaka oluvannyuma lwange, era
y'alituula ku ntebe yange ey'obwakabaka mu kifo kyange."
31 Awo Basuseba n'avuunama ku ttaka mu maaso ga kabaka ng'agamba
nti, "Mukama wange Kabaka Dawudi awangaale emirembe gyonna!"
32 Kabaka Dawudi n'ayogera nti, "Muyite Zadooki kabona, ne Nasani
nnabbi ne Benaya mutabani wa Yekoyaada bayingire." Bwe bajja mu
maaso ga kabaka,
33 n'abagamba nti, "Mutwale abaweereza‡ ba mukama wammwe, mwe-
bagaze Sulemaani mutabani wange ennyumbu yange, mumuserengese e
Gikoni.
34 Zadooki kabona ne Nasani nnabbi bamufukireko eyo amafuta okuba
kabaka wa Isirayiri. Mufuuwe ekkondeere era muleekaane nti, 'Kabaka
Sulemaani awangaale.'
35 Mwambuke naye, atuule ku ntebe yange ey'obwakabaka era afuge mu
kifo kyange. Mmufudde omukulembeze wa Isirayiri ne Yuda."

‡ **1:33** Abaweereza mu nsonga eno kitegeeza eggye lya kabaka erimukuuma

36 Benaya mutabani wa Yekoyaada n'addamu kabaka nti, "Amiina!
Mukama Katonda wa mukama wange kabaka akituukirize.
37 Mukama nga bwe yabeeranga ne mukama wange kabaka, abeere ne
Sulemaani okufuula entebe ye ey'obwakabaka ey'ekitiibwa n'okusinga
entebe ey'obwakabaka eya mukama wange Kabaka Dawudi!"
38 Awo Zadooki kabona, ne Nasani nnabbi ne Benaya mutabani wa
Yekoyaada, n'Abakeresi n'Abaperesi§ ne beebagaza Sulemaani ennyumbu
ya Kabaka Dawudi, ne baserengeta nga bamuwerekera okugenda e Gikoni.
39 Zadooki kabona n'aggya ejjembe ery'amafuta mu weema,* n'afuka
amafuta ku Sulemaani. Awo ne bafuuwa ekkondeere, abantu bonna
ne baleekaana mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Kabaka Sulemaani
awangaale."
40 Abantu bonna ne bambuka okumugoberera nga bafuuwa en-
dere, era nga basanyuka essanyu lingi, ettaka n'okwatika ne lyatika
olw'oluyoogaano olunene.
41 Adoniya n'abagenyi be bonna ne bawulira oluyoogaano bwe baali
nga bamaliriza okulya. Yowaabu bwe yawulira eddoboozi ly'ekkondeere,
n'abuuza nti, "Ekibuga nga kiyoogaana?"
42 Awo bwe yali ng'akyayogera laba, Yonasaani mutabani wa Abiyasaali
kabona n'atuuka. Adoniya n'ayogera nti, "Yingira kubanga omusajja
omulungi nga ggwe ateekwa kuba ng'aleese mawulire malungi."
43 Yonasaani n'addamu nti, "Nedda. Mukama waffe Kabaka Dawudi,
obwakabaka abuwadde Sulemaani,
44 era kabaka atumye Zadooki kabona, ne Nasani nnabbi, ne Benaya
mutabani wa Yekoyaada, n'Abakeresi n'Abaperesi, okugenda naye nga
bamwebagazza ennyumbu ya kabaka.
45 Zadooki kabona ne Nasani nnabbi bamufukiddeko amafuta e Gikoni,
era bambuse okuvaayo nga bajaguza, n'ekibuga kiwuumira ddala. Okwo
kwe kuleekaana kwe muwulira.
46 Kaakano Sulemaani atudde ku ntebe ey'obwakabaka.
47 N'abakungu ba kabaka bazze okusanyukirako mukama waffe
Kabaka Dawudi, nga boogera nti, 'Katonda wo afuule erinnya lya
Sulemaani ekkulu n'okusinga eriryo era n'entebe ye ey'obwakabaka
enkulu n'okusinga eyiyo!' Era Kabaka akutamye ng'asinza ku kitanda
kye,
48 n'agamba nti, 'Yeebazibwe Mukama, Katonda wa Isirayiri, akkirizza
amaaso gange okulaba omusika ku ntebe yange ey'obwakabaka leero.' "
49 Abagenyi ba Adoniya bonna olwawulira ebyo ne beekanga nnyo, ne
basituka ne basaasaana.
50 Adoniya n'aggwaamu amaanyi olwa Sulemaani okulya obwakabaka,
era n'agenda ne yeekwata ku mayembe g'ekyoto.
51 Awo ne babuulira Sulemaani nti, "Adoniya atidde kabaka Sulemaani
era yeekutte ku mayembe g'ekyoto. Agambye nti, 'Kabaka Sulemaani
andayirire leero nti tajja kutta muddu we n'ekitala.' "
52 Sulemaani n'addamu nti, "Bw'alyeraga okuba omusajja omulungi,
tewaliba luviiri lwe na lumu oluligwa wansi; naye bw'alirabikamu ekibi,
alifa."

§ **1:38** Abakeresi n'Abaperesi baali bakuumi ba Dawudi ab'oku mwanjo. Baava Kuleete ne Bufirisuuti (2Sa 8:18) * **1:39** Eweema eyogerwako wano ye weema Dawudi gye yakolera essanduuko ey'endagaano ya Katonda. Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu eyazimbibwa, ng'Abayisirayiri bakyali mu ddungu, yali ekyali e Gibyoni (3:4; 2Sa 6:17)

53 Awo Kabaka Sulemaani n'atuma abasajja, ne baggya Adoniya ku
kyoto. N'ajja n'avuunamira kabaka Sulemaani, Sulemaani n'amugamba
nti, "Weddireyo ewuwo."

# 2

*Dawudi Abuulirira Sulemaani*

1 Dawudi bwe yali anaatera okufa, n'abuulirira mutabani we Sulemaani
ng'amukuutira nti,
2 "Nze ŋŋenda bonna ab'omu nsi gye bagenda, kale beera n'amaanyi
era n'obuvumu,
3 era tambuliranga mu makubo ga MUKAMA Katonda wo ng'okwatanga
ebiragiro bye, era okwatenga amateeka ge, n'ebiragiro bye n'ebyo
by'ayagala, nga bwe byawandiikibwa mu mateeka ga Musa,
olyoke obeerenga n'omukisa mu byonna by'onookolanga na buli
gy'onoogendanga yonna.
4 MUKAMA anyweze ekisuubizo kye gye ndi nti, 'Abaana bo bwe
baneegenderezanga mu kkubo lyabwe, era bwe banaatambuliranga mu
maaso gange mu mazima n'omutima gwabwe gwonna n'emmeeme
yaabwe yonna, tewalibaawo muntu ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri
atali wa mu zzadde lyo.'
5 "Ate ojjukiranga Yowaabu mutabani wa Zeruyiya kye yankola, bwe
yatta abakulu ababiri ab'eggye lya Isirayiri, Abuneeri mutabani wa Neeri
ne Amasa mutabani wa Yeseri n'ayiwa omusaayi gwabwe mu biseera
eby'emirembe ng'eyali mu lutalo, era omusaayi gwabwe ne gumansukira
olukoba lwe olwali mu kiwato n'engatto ze ezaali mu bigere bye.
6 Kale muyise ng'okutegeera kwo bwe kuli, so tomuganyanga kukka
emagombe mirembe mu bukadde bwe.
7 "Naye batabani ba Baluzirayi Omugireyaadi obakoleranga ebyekisa,
era babenga ku abo abanaatuulanga ku mmeeza yo, kubanga baali wamu
nange bwe nadduka Abusaalomu muganda wo.
8 "Era jjukira Simeeyi mutabani wa Gera Omubenyamini ow'e Bakulimu
ali naawe, kubanga yankolimira mu ngeri enzibu ennyo, ku lunaku lwe
nagenderako e Makanayimu. Kyokka bwe yaserengeta okunsisinkana ku
Yoludaani ne mulayirira MUKAMA nti, 'Sijja kukutta na kitala.'
9 Kaakano tomubala ng'ataliiko musango. Oli musajja w'amagezi, era
olimanya ekirikugwanira okumukola; tomuganyanga okukka emagombe
mu mirembe mu bukadde bwe."
10 Awo Dawudi ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu
kibuga kya Dawudi.
11 Yafugira Isirayiri yonna emyaka amakumi ana, ng'afugira emyaka
musanvu e Kebbulooni, n'emyaka amakumi asatu mu esatu e Yerusaalemi.
12 Awo Sulemaani n'atuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa Dawudi
kitaawe, obwakabaka bwe ne bunywezebwa nnyo.

*Obwakabaka bwa Sulemaani Bunywezebwa*

13 Adoniya omwana wa Kaggisi, n'alaga eri Basuseba nnyina Sulemaani.
Basuseba n'amubuuza nti, "Ojja mirembe?" N'addamu nti, "Weewaawo
mirembe."
14 N'ayogera nate nti, "Nnina kye njagala okukubuulira." Basuseba
n'amuddamu nti, "Kimbuulire."
15 Adoniya n'amugamba nti, "Nga bw'omanyi, obwakabaka bwali
bwange, era ne Isirayiri yenna baatunuulira nze nga kabaka waabwe.

Naye ebintu byakyuka, era n'obwakabaka bugenze eri muganda wange,
kubanga bumuweereddwa MUKAMA.
16 Kaakano nkusaba ekigambo kimu, era tokinnyima." Basuseba
n'amugamba nti, "Kyogere."
17 Adoniya n'ayogera nti, "Nkwegayiridde gamba Sulemaani kabaka
ampe Abisaagi Omusunammu okuba mukyala wange, kubanga kabaka
anaakuwuliriza."
18 Basuseba n'addamu nti, "Kale, nnaakwogererayo eri Kabaka."
19 Awo Basuseba bwe yagenda eri Kabaka Sulemaani, okwogererayo
Adoniya, Kabaka n'agolokoka okumusisinkana, n'akutama
n'oluvannyuma n'atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka. N'atumya entebe
ey'obwakabaka endala nnyina atuuleko*, n'atuula ku mukono gwa
kabaka ogwa ddyo.
20 Basuseba n'amugamba nti, "Nkusaba ekigambo kimu ekitono, era
tokinnyima."
Kabaka n'amuddamu nti, "Kisabe, maama, nange siikikumme."
21 N'ayogera nti, "Kkiriza Abisaagi Omusunammu afumbirwe muganda
wo Adoniya."
22 Kabaka Sulemaani n'addamu nnyina nti, "Lwaki osabira Adoniya,
Abisaagi Omusunammu? Musabire n'obwakabaka, ate obanga ye mukulu
wange; ky'ekyo, sabira ye, ne Abiyasaali kabona ne Yowaabu mutabani
wa Zeruyiya!"
23 Awo Kabaka Sulemaani n'alayira ng'agamba nti, "Katonda ankole
bw'atyo n'okusingawo, Adoniya bw'atasasule n'obulamu bwe olw'ekyo
ky'asabye!
24 Kale nga MUKAMA bw'ali omulamu, oyo annywezezza ku ntebe
ey'obwakabaka eya kitange Dawudi, era ampadde olulyo nga bwe
yasuubiza, Adoniya anattibwa leero!"
25 Awo Kabaka Sulemaani n'alagira Benaya mutabani wa Yekoyaada
okutta Adoniya, era Adoniya n'attibwa.
26 Kabaka n'agamba Abiyasaali kabona nti, "Ggwe genda e Anasosi
mu byalo byo. Osaanidde okufa, naye siikutte mu biro bino, kubanga
wasitulanga essanduuko ya MUKAMA mu maaso ga kitange Dawudi, era
n'obonyaabonyezebwa wamu naye mu bibonoobono bye."
27 Awo Sulemaani n'agoba Abiyasaali† ku bwakabona bwa MUKAMA,
okutuukiriza ekigambo MUKAMA kye yayogerera e Siiro ku nnyumba ya
Eri.
28 Amawulire bwe gaatuuka eri Yowaabu, eyali akyuse okugoberera
Adoniya, newaakubadde nga teyagoberera Abusaalomu, n'addukira mu
weema ya MUKAMA, n'akwata ku mayembe g'ekyoto.
29 Bwe baategeeza kabaka Sulemaani nti Yowaabu addukidde mu weema
ya MUKAMA, era nti ali ku kyoto, n'alagira Benaya mutabani wa Yekoyaada
nti, "Genda omutte."
30 Benaya n'agenda mu weema ya MUKAMA, n'agamba Yowaabu nti,
"Kabaka akulagidde okufuluma." Naye ye n'addamu nti, "Nedda, nzija
kufiira wano." Benaya n'azzaayo obubaka eri kabaka, nga Yowaabu bwe
yamuddamu.

---

* **2:19** Mu nsi ezo ez'obuvanjuba Nnabagereka yalina emirimu egy'obwakabaka gye yakolanga, era yali wa kitiibwa nnyo mu mpya za kabaka. † **2:27** Abiyasaali ye yekka eyawona okuttibwa, enju ya Eri bwe yazikirizibwa (1Sa 22:17-20).

31 Awo kabaka n'alagira Benaya nti, "Kola nga bw'ayogedde, omutte era omuziike oggyewo omusango ku nze ne ku nnyumba ya kitange olw'omusaayi Yowaabu gwe yayiwa awatali nsonga.
32 Era MUKAMA alimusasula olw'omusaayi gwe yayiwa, kubanga yagwa ku basajja babiri n'abatta n'ekitala, Abuneeri mutabani wa Neeri, omukulu w'eggye lya Isirayiri, ne Amasa mutabani wa Yeseri, omukulu w'eggye lya Yuda, kitange Dawudi n'atakimanya, ate nga baali bamusinga obutuukirivu n'obulungi.
33 Bwe gutyo omusango gw'omusaayi gwabwe gubeere ku mutwe gwa Yowaabu ne ku zzadde lye emirembe gyonna. Naye ku Dawudi ne ku zzadde lye, era ne ku nnyumba ye ne ku ntebe ye ey'obwakabaka, wabeerewo emirembe gya MUKAMA emirembe gyonna."
34 Awo Benaya mutabani wa Yekoyaada n'ayambuka n'atta Yowaabu, n'aziikibwa mu ttaka lye‡ mu ddungu.
35 Awo kabaka n'afuula Benaya mutabani wa Yekoyaada omukulu w'eggye mu kifo kya Yowaabu, n'afuula ne Zadooki kabona mu kifo kya Abiyasaali.
36 Kabaka n'atumya Simeeyi n'amugamba nti, "Weezimbire ennyumba mu Yerusaalemi obeere omwo, so tovangamu okugenda awantu wonna.
37 Olunaku lw'olivaayo n'osomoka ekiwonvu Kiduloni, tegeerera ddala nga tolirema kufa, era omusaayi gwo guliba ku mutwe gwo ggwe."
38 Simeeyi n'addamu Kabaka nti, "Ky'oyogedde kirungi. Omuddu wo ajja kukola nga mukama wange kabaka bw'ayogedde." Awo Simeeyi n'amala ekiseera kiwanvu mu Yerusaalemi.
39 Naye bwe waayitawo emyaka esatu, babiri ku baddu ba Simeeyi ne baddukira eri Akisi mutabani wa Maaka kabaka w'e Gaasi§. Simeeyi n'ategeezebwa nti, "Abaddu bo bali Gaasi."
40 Simeeyi olwawulira ebyo, ne yeebagala endogoyi ye n'agenda e Gaasi eri Akisi okunoonya abaddu be. Simeeyi n'agenda okuleeta abaddu be okuva e Gaasi.
41 Bwe baabuulira Sulemaani nti Simeeyi yava e Yerusaalemi n'agenda e Gaasi era n'akomawo,
42 kabaka n'amutumya, n'amubuuza nti, "Saakulayiza MUKAMA ne nkulabula nti, 'Tegeerera ddala nga olunaku lw'olivaawo okugenda awantu wonna, olifa?' N'oŋŋamba nti, 'Kye njogedde kirungi era nzija kukigondera.'
43 Kale kiki ekyakulobera okwekuuma ekirayiro kya MUKAMA n'ekiragiro kye nakulagira?"
44 Awo kabaka n'agamba Simeeyi nti, "Omanyi mu mutima gwo obubi bwonna bwe wakola Dawudi kitange. Kaakano MUKAMA alikusasula olw'obubi bwo.
45 Naye kabaka Sulemaani aliweebwa omukisa, ne ntebe ya Dawudi ey'obwakabaka erinywezebwa mu maaso ga MUKAMA emirembe gyonna."
46 Kabaka n'alagira Benaya mutabani wa Yekoyaada, okutta Simeeyi.
Obwakabaka ne bunywezebwa mu mukono gwa Sulemaani.

# 3

*Sulemaani Asaba Amagezi*

‡ **2:34** Abantu baaziikibwanga mu ttaka lyabwe kubanga mu biro ebyo tewaaliwo kifo kya lukale eky'okuziikamu § **2:39** Gaasi kiri mu Bufirisuuti

1 Awo Sulemaani n'akola endagaano ne Falaawo, ye kabaka w'e Misiri
era n'awasa muwala we. N'amuleeta mu kibuga kya Dawudi okutuusa lwe
yamala okuzimba ennyumba ye n'ennyumba ya MUKAMA, era ne bbugwe
okwetooloola Yerusaalemi.
2 Kyokka ennyumba ya MUKAMA yali tenazimbibwa, abantu nga baweer-
ayo ssaddaaka mu bifo eby'enjawulo.
3 Sulemaani n'ayagala MUKAMA, ng'atambulira mu mateeka ga Dawudi
kitaawe, newaakubadde nga yaweerangayo ssaddaaka era ng'ayotereza
n'obubaane ku bifo ebigulumivu.
4 Awo kabaka n'agenda e Gibyoni okuweerayo ssaddaaka, kubanga ekyo
kye kyali ekifo ekikulu mu byonna, era Sulemaani n'aweerayo ku kyoto
ekyo ssaddaaka ezookebwa lukumi.
5 MUKAMA n'alabikira Sulemaani ekiro mu kirooto e Gibyoni, Katonda
n'amugamba nti, "Saba ky'oyagala kyonna kye mba nkuwa."
6 Sulemaani n'addamu nti, "Olaze ekisa kingi eri omuddu wo, Dawudi ki-
tange, kubanga yali mwesigwa gy'oli, era mutuukirivu ate nga mwesimbu
gy'oli. Era oyongedde okulaga ekisa kino ekingi gy'ali n'omuwa omwana
okutuula ku ntebe ye ey'obwakabaka leero.
7 Kaakano, Ayi MUKAMA Katonda wange, ofudde omuddu wo okuba
kabaka mu kifo kya Dawudi kitange. Naye ndi mwana muto era simanyi
ngeri ya kuddukanyaamu mirimu gyange.
8 Omuddu wo ali wakati mu bantu bo be walonda, eggwanga ekkulu,
eritabalika.
9 Kale omuddu wo muwe amagezi okufuganga abantu bo, njawulenga
ekirungi n'ekibi: kubanga ani ayinza okufuga eggwanga lyo lino ekkulu?"
10 Mukama n'asanyuka kubanga Sulemaani yasaba ekyo.
11 Katonda n'amugamba nti, "Kubanga osabye kino, so teweesabidde
kuwangaala wadde bugagga, oba okufa kw'abalabe bo, naye weesabidde
amagezi okwawulanga emisango,
12 n'akola ky'osabye. Nzija kukuwa omutima omugezi era omutegeevu,
so tewalibeerawo eyali akwenkanye oba alikwenkana.
13 Era ndikuwa, ne by'otosabye: obugagga n'ekitiibwa waleme kubeer-
awo kabaka akwenkana mu kiseera kyo.
14 Era bw'onootambuliranga mu makubo gange, n'okukwatanga am-
ateeka gange n'ebiragiro byange, nga kitaawo Dawudi bwe yakola,
ndyongera ku nnaku zo."
15 Awo Sulemaani n'azuukuka n'amanya nga kibadde kirooto.
N'akomawo e Yerusaalemi, n'ayimirira mu maaso g'essanduuko
ey'endagaano ya Mukama n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa
n'ebiweebwayo olw'emirembe, era n'agabula abaweereza be ekijjulo.

### *Sulemaani Asala Omusango Omuzibu*

16 Awo abakazi bamalaaya babiri ne bajja eri kabaka, ne bayimirira mu
maaso ge.
17 Omu ku bo n'amugamba nti, "Mukama wange, omukazi ono nange
tubeera mu nnyumba emu, era nazaala omwana nga naye waali.
18 Bwe waayitawo ennaku ssatu, naye n'azaala omwana we. Twali
ffekka, so tewaali muntu n'omu eyali naffe mu nnyumba.
19 "Awo mu kiro omukazi ono, ne yeebakira omwana we n'amutta.
20 N'agolokoka ekiro mu ttumbi n'aggya omwana wange mu mbiriizi
zange, nze omuweereza wo nga neebase, n'amuteeka mu kifuba kye, ate
n'addira owuwe afudde n'amussa mu kifuba kyange.

21 Awo bwe nagolokoka enkya okuyoonsa omwana wange, nga mufu.
Naye bwe n'amwekaliriza amaaso, ne ndaba nga si ye mwana gwe
nazaala."
22 Omukazi oli omulala n'agamba nti, "Nedda! Omulamu ye mwana
wange, omufu ye wuwo."

Naye ow'olubereberye n'aggumiza nti, "Nedda! Omufu ye wuwo,
omulamu ye wange." Ne bawakanira mu maaso ga kabaka.
23 Kabaka n'agamba nti, "Omu agamba nti, 'Omwana wange ye mulamu,
owuwo ye mufu,' n'omulala agamba nti, 'Omwana wange ye mulamu,
owuwo ye mufu.' "
24 Awo kabaka n'agamba nti, "Mundeetere ekitala." Ne baleetera kabaka
ekitala.
25 N'alyoka alagira nti, "Musaleemu omwana omulamu, muwe omu
ekitundu n'omulala ekitundu ekirala."
26 Nnyina w'omwana omulamu n'ajjula ennaku olw'omwana we,
n'agamba kabaka nti, "Nkwegayiridde mukama wange, omwana omu-
lamu mumuwe! Tomutta!" Naye omukazi oli n'agamba nti, "Tajja kuba
wange oba wuwo. Mumusalemu!"
27 Awo kabaka n'asalawo ng'agamba nti, "Omwana omulamu mumuwe
omukazi ow'olubereberye, so temumutta, kubanga oyo ye nnyina."
28 Isirayiri yonna bwe yawulira okusalawo kwa kabaka, ne beewuunya
kabaka, kubanga baalaba ng'alina amagezi okuva eri Katonda okulamula
ensonga.

# 4

*Abakungu ba Sulemaani*

1 Kabaka Sulemaani n'aba kabaka wa Isirayiri yonna.

2 Era bano be baali abakungu be:

Azaliya* muzzukulu wa Zadooki, yali kabona,
3 Erikolefu ne Akiya, batabani ba Sisa, baali bawandiisi,
Yekosafaati mutabani wa Akirudi, yali mujjukiza,
4 Benaya mutabani wa Yekoyaada, yali muduumizi w'eggye omukulu,
Zadooki ne Abiyasaali baali bakabona,
5 Azaliya mutabani wa Nasani, yali mukulu w'abaami,
Zabudi mutabani wa Nasani, yali kabona ate nga ye muwi wa magezi wa kabaka omukulu,
6 Akisaali, yali ssabakaaki wa kabaka;
ne Adoniraamu mutabani wa Abuda, yali mukulu w'abaddu.

7 Sulemaani yalina abakungu kkumi na babiri abaakuliranga Isir-
ayiri yonna, era baavunaanyizibwanga ebyokulya bya kabaka n'ab'omu
nnyumba ye. Buli omu kyamugwaniranga okusolooza ebyokulya okumala
omwezi gumu buli mwaka.

8 Era gano ge mannya gaabwe:

* **4:2** Azaliya yali mutabani wa Akimaazi, ate Akimaazi nga mutabani wa Zadooki (2Sa 15:27, 36 ne 1By 6:8-10). Noolwekyo Azaliya muzzukulu wa Zadooki. Mu kiseera ekyo Akimaazi yali amaze okufa. Azaliya ye yali Kabona Asinga Obukulu mu biro bya Sulemaani

Benikuli, mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu;
9 Benidekeri, mu Makazi, mu Saalubimu, mu Besusemesi, ne mu Eroni Besukanani;
10 Benikesedi, mu Alubbosi, Soko n'ensi yonna ey'e Kefera yali yiye;
11 Beniyabinadabu eyali awasizza Tafasi muwala wa Sulemaani, mu kifo kyonna ekigulumivu eky'e Doli;
12 Baana mutabani wa Akirudi, mu Taanaki ne Megiddo, ne mu Besuseyani yonna ekiriraanye Zalesani wansi w'e Yezuleeri, okuva ku Besuseyani okutuuka ku Aberumekola okuyita ku Yokumyamu;
13 Benigeberi, mu Lamosugireyaadi, ebibuga bya Yayiri mutabani wa Manase mu Gireyaadi byali bibye, era n'essaza Alugobu eriri mu Basani n'ebibuga byayo enkaaga ebyalina bbugwe ne wankaaki ow'ekikomo;
14 Akinadaabu mutabani wa Iddo, mu Makanayimu;
15 Akimaazi eyali awasizza Basemesi muwala wa Sulemaani, mu Nafutaali,
16 Baana mutabani wa Kusaayi, mu Aseri ne mu Beyaloosi;
17 Yekosafaati mutabani wa Paluwa, mu Isakaali;
18 Simeeyi mutabani wa Era, mu Benyamini;
19 Geberi mutabani wa Uli, mu Gireyaadi, ensi ya Sikoni kabaka w'Abamoli, n'ensi ya Ogi kabaka w'e Basani. Ye yali omwami yekka akulira essaza.

20 Abantu ba Yuda ne Isirayiri baali bangi nga bali ng'omusenyu ku lubalama lw'ennyanja, era baalyanga, ne banywanga nga basanyuka.
21 Sulemaani n'afuga obwakabaka bwonna okuva ku Mugga Fulaati okutuuka ku nsi ey'Abafirisuuti n'okutuuka ku nsalo ey'e Misiri, era baamuleeteranga ebirabo, era ne bamuweerezanga ennaku zonna ez'obulamu bwe†.
22 Bye baasoloolezanga Sulemaani ebya buli lunaku byali ebigero by'obutta obulungi kilo mukaaga n'obutundu mukaaga, n'ebigero eby'obutta obutaali buse, kilo kumi na ssatu n'obutundu bubiri;
23 ente eza ssava kkumi, n'ente ezaavanga mu ddundiro amakumi abiri, wamu n'endiga kikumi, n'enjaza, n'empeewo, n'ennangaazi, n'enkoko ze baalondangamu.
24 Yafuganga ensi yonna eri emitala w'Omugga Fulaati, okuva e Tifusa‡ okutuuka e Gaaza, era yalina emirembe enjuuyi zonna okumwetooloola.
25 Mu mirembe gya Sulemaani, Yuda ne Isirayiri yonna, okuva e Ddaani okutuuka e Beeruseba buli muntu yalina emirembe, era ng'alina ennimiro ye ey'emizabbibu n'ey'emitiini.
26 Sulemaani yalina ebisibo by'embalaasi ezisika amagaali enkumi nnya, n'abasajja abeebagala embalaasi omutwalo gumu mu enkumi bbiri.
27 Abaami ba masaza, buli mwezi baalabiriranga Kabaka Sulemaani wamu n'abaatuulanga ku mmeeza ye, nga bamuweereza ebyokulya.
28 Era baaleetanga sayiri n'essubi olw'embalaasi ez'embiro n'embalaasi endala, buli muntu ng'omulimu gwe bwe gwali gwe yalagirwa.

---

† **4:21** Ensalo z'obwakabaka bwa Sulemaani zaakoma yonna Katonda gye yali asuubizza Ibulayimu (Lub 15:18-21; Ma 1:7; 11:24; Yos 1:4). ‡ **4:24** Tifusa kyali kibuga kikulu nga kisangibwa ku lubalama lw'Omugga Fulaati, nga kiri ku nsalo ey'omu bukiikakkono bw'obuvanjuba obw'obwakabaka. Gaaza ne Bufirisuuti okumpi n'ennyanja ya Meditereniyaani ye yali ensalo ey'omu bukiikaddyo bw'obuvanjuba obw'obwakabaka.

### *Amagezi ga Sulemaani*

29 Katonda n'awa Sulemaani amagezi n'okutegeera kungi nnyo
n'obugunjufu bungi, ng'omusenyu oguli ku mabbali g'ennyanja.
30 Amagezi ga Sulemaani gaali mangi nnyo okukira ag'abasajja bonna
ab'ebuvanjuba§, ate n'okusinga ago ag'e Misiri.
31 Yali mugezi okukira abantu bonna, era n'okukira Esani Omwezulaki,
ne Kemani, ne Kalukoli ne Daluda batabani ba Makoli, era erinnya lye ne
lyatiikirira mu mawanga gonna ageetoolodde.
32 Yagera engero enkumi ssatu, n'ennyimba ze zaali lukumi mu ttaano.
33 Yayogera ku bulamu bwe bimera, okuva ku muvule gwa Lebanooni
okutuuka ku ezobu amera ku bbugwe. Ate era yayogera ne ku nsolo
n'ennyonyi, n'ebyewalula n'ebyennyanja.
34 Era abantu bangi okuva mu mawanga gonna ne bajjanga okuwuliriza
amagezi ga Sulemaani, nga batumiddwa bakabaka okuva mu nsi yonna,
abaali bawulidde ku magezi ge.

# 5

### *Enteekateeka y'Okuzimba Yeekaalu*

1 Awo Kiramu kabaka w'e Ttuulo bwe yawulira nga Sulemaani bamu-
fuseeko amafuta okuba kabaka, ng'asikidde kitaawe Dawudi, n'atuma
ababaka be eri Sulemaani, kubanga yali mukwano gwa Dawudi.
2 Sulemaani n'atumira Kiramu ng'ayogera nti,
3 "Omanyi nti, Olw'entalo ennyingi ezeetooloola Dawudi kitange, teya-
sobola kuzimbira linnya lya MUKAMA Katonda we yeekaalu, okutuusa
MUKAMA lwe yamala okuteeka abalabe be wansi w'ebigere bye.
4 Naye kaakano MUKAMA Katonda wange awadde Isirayiri yonna
emirembe ku njuyi zonna, era tewakyali mulabe wadde akabi ak'engeri
yonna.
5 Era, laba, nsuubira okuzimbira Erinnya lya MUKAMA Katonda wange
yeekaalu, nga MUKAMA bwe yagamba Dawudi kitange, bwe yayogera
nti, 'Mutabani wo gwe nditeeka ku ntebe ey'obwakabaka mu kifo kyo,
yalizimbira Erinnya lyange yeekaalu.'
6 "Noolwekyo lagira basajja bo bantemere emivule gya
Lebanooni. Abaddu bange banaakoleranga wamu n'abaddu bo, era
nakuweerezanga empeera yonna, gy'olinsaba olw'abaddu bo. Omanyi
nga ku ffe tekuli n'omu alina magezi kutema miti okwenkana ab'e
Sidoni."
7 Awo Kiramu bwe yawulira obubaka bwa Sulemaani, n'asanyuka
nnyo era n'ayogera nti, "MUKAMA yeebazibwe, kubanga awadde Dawudi
omwana ow'amagezi okufuga eggwanga lino eddene."
8 Awo Kiramu n'atumira Sulemaani ng'ayogera nti,
"Obubaka bwe wampeereza mbufunye, era nnaakola by'oyagala
byonna eby'emiti egy'emivule n'emiti egy'emiberosi.
9 Basajja bange baligiggya mu Lebanooni ne bagiserengesa ku
nnyanja, era ndigisengeka ng'ebitindiro okuyita ku nnyanja okugituusa
mu kifo ky'olindaga. Nga gituuse eyo ndiragira ne bagisumulula,
ne gikuweebwa. Kye njagala okolere ab'omu nnyumba yange, kwe
kubawanga emmere."

§ **4:30** Ekitundu eky'Obuvanjuba kitegeeza amawanga g'Abawalabu abaabeeranga mu buvanjuba bwa Bufirisuuti

10 Awo Kiramu n'awa Sulemaani emiti gy'emivule n'emiti egy'emiberosi
nga bwe yayagala,
11 ne Sulemaani n'amuwanga ebigero by'eŋŋaano kilo enkumi nnya mu
bina eby'emmere ey'ennyumba ye, n'amafuta ag'omuzeeyituuni ebigero
amakumi abiri, ze kilo nga bina mu ana buli mwaka. Kino Sulemaani
yakikoleranga Kiramu buli mwaka.
12 MUKAMA n'awa Sulemaani amagezi, nga bwe yamusuubiza. Ne waba
emirembe wakati wa Kiramu ne Sulemaani, n'okulagaana ne balagaana
endagaano bombi.
13 Kabaka Sulemaani n'akuŋŋaanya abakozi mu Isirayiri yonna, ne
bawera abasajja emitwalo esatu.
14 N'abaweerezanga e Lebanooni mu mpalo; buli luwalo nga lumala
omwezi gumu e Lebanooni n'emyezi ebiri ewaabwe, era Adoniraamu ye
yabavunaanyizibwanga.
15 Sulemaani yalina abantu emitwalo musanvu abaasitulanga emigugu,
n'emitwalo munaana abaatemanga amayinja ku nsozi,
16 ate n'abaami be enkumi ssatu mu bisatu abaalabiriranga omulimu
n'okulagirira abakozi.
17 Kabaka n'alagira bateme amayinja amanene ddala nga bagaggya
mu kirombe ky'amayinja ag'omuwendo, okuzimba emisingi gya yeekaalu
n'amayinja amateme obulungi.
18 Abaweesi ba Sulemaani n'aba Kiramu, wamu n'abasajja ba Gebali
ne balongoosa n'okutegeka ne bategeka emiti n'amayinja eby'okuzimba
yeekaalu.

# 6

*Sulemaani Azimba Yeekaalu*

1 Mu mwaka ogw'ebina mu kinaana, abaana ba Isirayiri kasookedde
bava mu nsi y'e Misiri, mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa Sulemaani,
mu mwezi ogwokubiri ogwa Zivu*, Sulemaani n'atandika okuzimba
yeekaalu ya MUKAMA.
2 Eyeekaalu kabaka Sulemaani gye yazimbira MUKAMA yali obuwanvu
mita amakumi abiri mu musanvu, n'obugazi mita mwenda, n'obuwanvu
mita kkumi na ssatu n'ekitundu.
3 Awayingirirwa mu maaso g'ekisenge ekinene ekya yeekaalu, waali
mita mwenda, ng'obugazi bwa yeekaalu bwe bwali, ate ng'obugazi
bwakyo mu maaso kiri mita nnya n'ekitundu okuva mu maaso ga
yeekaalu.
4 N'akola amadirisa amafunda mu kisenge kya yeekaalu.
5 Wakati w'ebisenge eby'ekisenge ekinene, n'ekifo aw'okwogerera,
n'azimba obusenge obw'okubbalibbali okwetooloola wo.
6 Ekisenge ekya wansi kyali mita bbiri ne desimoolo ssatu obugazi,
n'ekisenge eky'essa erya wakati kyali mita bbiri ne desimoolo mu-
sanvu, n'ekisenge eky'essa eryokusatu kyali mita ssatu ne desimoolo
bbiri. N'asalako emiti okwetooloola eyeekaalu gireme okukomererwa mu
bisenge bya yeekaalu.
7 Bwe baali nga bazimba yeekaalu, baakozesanga amayinja agaali ga-
longosereddwa gye bagatemeranga, era tewaawulirwa kuvuga okw'engeri

* **6:1** Zivu Omwezi gwa Zivu gwe gwa Maayi. Zivu mwezi gwakubiri mu Kalenda y'Ekiyudaaya

yonna okw'ennyondo newaakubadde embazzi wadde ekyuma eky'engeri yonna mu kifo awaali wazimbirwa yeekaalu.

8 Omulyango ogw'ekisenge ekya wakati gwali ku luuyi olw'obukiikaddyo obwa yeekaalu; waabangawo amadaala agaakozesebwanga okugenda mu kisenge ekya wakati, n'okweyongerayo mu kisenge ekyokusatu ekya waggulu.

9 Awo n'azimba yeekaalu n'agimala, n'agisereka n'emiti n'embaawo ez'emivule.

10 N'azimba n'ebisenge ebitono okwetooloola yeekaalu, n'obugulumivu bwa buli kimu bwali mita emu n'ekitundu, nga byesigamizibbwa ku kisenge kya yeekaalu n'emiti gy'emivule.

11 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Sulemaani nti,

12 "Bino bye bikwata ku yeekaalu eno gy'ozimba; bw'onootambuliranga mu mateeka gange, n'ogondera ebiragiro byange, n'okwatanga n'amateeka gange gonna ng'ogatambuliramu, kale ndituukiriza ekigambo kye nayogera eri Dawudi kitaawo.

13 Era nnaabeeranga wamu n'abaana ba Isirayiri, so siryabuulira bantu bange Isirayiri."

14 Sulemaani n'azimba yeekaalu n'agimala.

15 Ku bisenge eby'omunda n'assaako embaawo ez'emivule n'azikomelera okuva wansi wa yeekaalu okutuukira ddala ku kasolya, era ne wansi wa yeekaalu n'ayaliirirawo embaawo ez'emiberosi.

16 N'ayawuzaamu emabega wa yeekaalu, n'akolawo ekifo mu yeekaalu ekyenkana mita mwenda, nga ky'ekisenge awaayimirirwanga okwogera, eky'awatukuvu ennyo, ng'akozesa embaawo ez'emivule okuva wansi okutuuka ku kasolya.

17 Ekisenge ekinene ddala ekyali mu maaso g'ekisenge, awaayimirirwanga okwogera waali obuwanvu mita kkumi na munaana.

18 Ne munda wa yeekaalu mwali mwaliriddwamu emivule egyayolebwako entaabwa n'ebimuli ebyanjulukuse. Byonna byali bya mivule; tewaali jjinja eryalabika.

19 N'ateekateeka ekisenge eky'omunda ddala okumpi n'awaayimirirwanga okwogera mu yeekaalu, okuteekamu essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA.

20 Era munda awaayimirirwanga okwogera mwalimu ebbanga erya mita mwenda obuwanvu, ne mita mwenda obugazi, ne mita mwenda obugulumivu†. Munda mwonna n'asiigamu zaabu ennongoose‡, era n'akola n'ekyoto n'akisabika n'emivule.

21 Sulemaani n'asabika munda wa yeekaalu ne zaabu ennongoose, n'ayongerako n'enjegere eza zaabu mu maaso g'omu kisenge eky'omunda ekyali kibikiddwako zaabu.

22 Munda wa yeekaalu mwonna, n'assaamu zaabu, ne ku kyoto eky'omu kisenge awaayimirirwanga okwogera§ n'asiigako zaabu.

23 Mu kisenge awaayimirirwanga okwogera n'akolawo bakerubi babiri ab'emiti egy'emizeeyituuni, buli kerubi obugulumivu bwe mita nnya n'ekitundu.

24 Obuwanvu bw'ekiwaawaatiro ekimu ekya kerubi omu bwali mita bbiri n'obutundu busatu, n'ekiwaawaatiro ekyokubiri mita bbiri

† **6:20** Ebipimo eby'omunda w'essinzizo byali emirundi ebiri mu bunene okusinga Awatukuvu w'Awatukuvu mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu (Kuv 26) ‡ **6:20** Zaabu ennongoose kabonero akalaga ekitiibwa kya Katonda § **6:22** N'asiiga zaabu ku kyoto okwoterezebwa obubaane (7:48; Kuv 37:25-28)

n'obutundu busatu, ze mita nnya n'ekitundu okuva ku luuyi olumu olw'ekiwaawaatiro ekimu okutuuka ku luuyi olw'ekiwaawaatiro ekyokubiri.
25 Kerubi owookubiri naye yali mita nnya n'ekitundu, era bakerubi bombi baali ekigero kye kimu n'endabika yaabwe nga y'emu.
26 Obugulumivu bwa buli kerubi bwali mita nnya n'ekitundu.
27 N'ateeka bakerubi mu kisenge eky'omunda ddala mu yeekaalu, ng'ebiwaawaatiro byabwe byanjuluzibbwa. Ekiwaawaatiro ekya kerubi omu ne kikwata ku kisenge eruuyi, n'ekiwaawaatiro ekya kerubi omulala ne kikwata ku kisenge ekirala eruuyi, ebiwaawaatiro byabwe ne bikwatagana wakati wa yeekaalu.
28 Bakerubi n'abasiigako zaabu.
29 Ku bisenge byonna ebya yeekaalu okwetooloola, mu bisenge eby'omunda, ne mu bisenge eby'ebweru, n'akola ebifaananyi ebyole ebya bakerubi, n'enkindu, n'ebimuli ebyanjulukuse.
30 Ne wansi mu bisenge eby'omunda n'eby'ebweru ebya yeekaalu n'assaamu zaabu.
31 Awayingirirwa mu kifo awaayimiririrwanga okwogera, waali wawaniriddwa emifuubeeto n'empagi ez'enzigi, omulyango nga gwa nsonda ttaano.
32 Ku nzigi zombi ez'emiti egy'emizeeyituuni n'akubako ebifaananyi ebyole ebya bakerubi, n'enkindu, n'ebimuli ebyanjulukuse, bakerubi n'enkindu n'abisiiga zaabu.
33 Mu ngeri y'emu n'akola omulyango oguyingira mu kisenge ekinene ddala, n'ateekawo emifuubeeto egy'emizeeyituuni, omulyango nga gwa nsonda nnya.
34 N'akola n'enzigi bbiri za miberosi, buli luggi nga lulina embaawo bbiri ezakyukiranga mu myango.
35 Ku zo n'ayolako ebifaananyi ebya bakerubi, n'enkindu n'ebimuli ebyanjulukuse, n'abisiiga zaabu ensanuuse.
36 N'azimba oluggya olw'omunda n'embu ssatu ez'amayinja amateme obulungi, n'olubu olw'emiti egy'emivule.
37 Awo mu mwaka ogwokuna, mu mwezi Zivu omusingi gwa yeekaalu ya MUKAMA ne gumalirizibwa.
38 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu mu mwezi Buli*, gwe mwezi ogw'omunaana, ebitundu byonna ebya yeekaalu ne bimalirizibwa ng'ebigero byabyo bwe byali. Yamala emyaka musanvu ng'agizimba.

# 7

*Sulemaani Azimba Olubiri lwe*

1 Sulemaani kyamutwalira ebbanga lya myaka kkumi n'esatu okuzimba olubiri lwe.
2 N'azimba olubiri nga luli ng'Ekibira kya Lebanooni*, obuwanvu mita amakumi ana mu mukaaga, n'obugazi mita amakumi abiri mu ssatu, n'obugulumivu mita kkumi na ssatu n'ekitundu, nga luwaniriddwa ku mpagi nnya ez'emivule.

---

* **6:38** Buli Omwezi gwa Buli gwa munaana ku kalenda y'Ekiyudaaya; ku kalenda eya bulijjo gwe gwa Okitobba oba Kafuumuulampawu * **7:2** Olubiri lwa Sulemaani lwayitibwa Ekibira kya Lebanooni olw'empagi z'emivule ezaali zizimbiddwamu nga zitegekeddwa ng'emiti egisangibwa mu kibira. Emivule gyavanga Lebanooni

3 Ne luserekebwa n'emivule ku mikiikiro amakumi ana mu etaano, buli lunyiriri nga lulimu kkumi na ttaano.

4 Waaliwo amadirisa agaateekebwa mu nnyiriri ssatu, buli limu nga litunuulidde linnaalyo.

5 Buli mulyango gwalina omwango nga gwa nsonda nnya, era nga gitunuuliraganye mu nnyiriri ssatu.

6 N'azimba ekisenge ekinene eky'empagi obuwanvu mita amakumi abiri mu ssatu n'obugazi mita kkumi na ssatu n'ekitundu. Mu maaso gaakyo waaliwo ekisasi, ekyali kiwaniriddwa empagi ez'emiti.

7 Yazimba n'ekisenge ekinene omwali entebe ey'obwakabaka, nga kye kisenge mwe yasaliranga emisango, era nga kyonna ky'ateekebwamu emivule okuva wansi okutuuka waggulu.

8 Olubiri lwe yali agenda okubeeramu olwali emanju w'ekisenge ekinene lwali lukifaanana. N'azimbira ne muwala wa Falaawo, gwe yali awasizza, olulufaanana.

9 Okuva ku musingi okutuuka waggulu, ebizimbe ebyo byonna n'oluggya olunene, byazimbibwa n'amayinja agaagerebwa ne gasalibwa n'emisumeeno, mu bigera byago.

10 Omusingi gw'azimbibwa n'amayinja amanene amalungi, agamu ng'obuwanvu genkana mita nnya n'ekitundu n'amalala ng'obuwanvu genkana mita ssatu n'obutundu mukaaga.

11 Waggulu okumpi n'akasolya waaliyo amayinja ag'omuwendo omungi, agatemebwa nga bwe gaagerebwa, n'emiti egy'emivule.

12 Oluggya olunene lwali lwetooloddwa bbugwe ow'embu ssatu ez'amayinja amateme, n'olubu olumu nga lwa miti egy'emivule, ng'ekisasi eky'omu maaso n'oluggya olw'omunda olwa yeekaalu bwe byali bizimbiddwa.

### *Ebintu bya Yeekaalu*

13 Kabaka Sulemaani n'atumya Kiramu ow'e Ttuulo, eyali mutabani wa nnamwandu ow'omu kika kya Nafutaali.

14 Kitaawe yali musajja w'e Ttuulo nga muweesi wa bikomo. Kiramu yali musajja mugezi, mumanyirivu nnyo era ng'ategeera emirimu egy'ebyebikomo egya buli ngeri. N'agenda eri Kabaka Sulemaani, n'akola emirimu gyonna egya muweebwa.

15 Kiramu n'akola empagi bbiri ez'ekikomo, buli emu obuwanvu mita munaana n'akatundu kamu, n'okwetooloola buli emu mita ttaano n'obutundu buna.

16 Waggulu wa buli mpagi n'assaako ebitikkiro ebyalina ebitimba eby'omulimu ogw'ekikomo, n'emigo egy'omulimu ogw'emikuufu egyalukibwa.

17 N'akola empagi zombi n'ebitikkiro byakwo nga zitimbiddwa buli emu ng'erina ebiruke ng'amalanga ag'amakomamawanga, musanvu.

18 Ebitikkiro ebyali ku mpagi ez'olubalaza zakolebwa ng'amalanga ag'ebimuli eby'amakomamawanga.

19 Ebitikkiro eby'empagi byali ng'amalanga nga ziri mita emu n'obutundu munaana obugulumivu.

20 Ku buli nkufiira ey'empagi kwaliko ekifaanana ng'ebakuli okuliraana n'omulimu ogufaanana ng'ekintu ekiruke, era waaliwo amakomamawanga ebikumi bibiri mu mbu okwetooloola ebitikkiro ebyo.

21 N’akola empagi bbiri ku lubalaza lwa yeekaalu, emu n’agizimba ku
luuyi olw’obukiikaddyo n’agituuma Yakini, n’eyokubiri n’agizimba ku
luuyi olw’obukiikakkono n’agituuma Bowaazi.
22 Ebitikkiro byabyo byakolebwako ebimuli eby’amalanga, era bwe
gutyo omulimu ogw’okuzimba empagi ne guggwa.
23 N’akola ttanka† ennene ey’ekikomo ekisaanuuse, nga neekulungirivu
ng’eri mita nnya n’ekitundu okuva ku mugo okutuuka ku mugo, ne
mita bbiri n’obutundu busatu obugulumivu. Obwekulungirivu bwali mita
kkumi na ssatu n’ekitundu.
24 Wansi w’omugo gwayo kwaliko entaabwa okugyetooloola, kkumi buli
butundu busatu obwa mita, era nga ziri embu bbiri, ezasaanuusibwa nayo.
25 Ettanka ennene yatuulanga ku bifaananyi by’ente ennume kkumi
na bbiri, esatu nga zitunudde mu bukiikakkono, n’endala essatu nga
zitunudde ebugwanjuba, n’endala essatu nga zitunudde mu bukiikaddyo,
n’endala essatu nga zitunudde ebuvanjuba, era ng’ebitundu byabyo
eby’emabega nga bitunuuliraganye mu masekkati gaayo.
26 Obugazi bwayo yali oluta lumu, n’omugo gwayo gwakolebwa
ng’omugo gw’ekibya, ng’ekimuli ky’amalanga. Yajjulanga lita emitwalo
ena mu enkumi nnya.
27 N’akola n’ebitebe ebiseetulwa, mu bikomo buli kimu obuwanvu
bwakyo mita emu n’obutundu munaana, n’obugazi bwe bumu, ate
obugulumivu mita emu n’obutundu busatu.
28 Ebitebe ebyo by’akolebwa bwe biti: byalina enkulukumbi mu myango
gyabyo.
29 Ku nkulukumbi wakati mu myango mwalimu ebifaananyi bya
bakerubi n’eby’empologoma, n’eby’ente ennume; kwaliko n’ebintu
ebireebeeta ebyakolebwa n’emikono.
30 Buli kitebe ky’alina nnamuziga nnya ez’ebikomo, n’entobo za nna-
muziga nga za bikomo, era nga buli kimu kirina ebensani ewaniriddwa
mu nsonda nnya n’emisituliro egyasaanuusibwa, nga ku buli musituliro
kuliko ebireebeeta.
31 Ekitebe ekimu kyalina akamwa akalina omwango omwekulungirivu
ogwali kitundu kya mita mu kukka. Akamwa kaagwo kaali keekulungirivu
n’omulimu ogwa wansi kwe kyaterezebwanga, nga gwa butundu musanvu
obwa mita mu kukka. Ku kamwa kaagwo kwaliko enjola, n’enkulumbi
zaakyo nga si nnekulungirivu naye ng’enjuyi zonna zenkanankana.
32 Nnamuziga ennya zaali wansi w’enkulumbi; n’emisingi gya nna-
muziga gyali gikomereddwa ku kitebe. Okusala mu bukiika bwa
nnamuziga emu bwali obutundu musanvu obwa mita.
33 Nnamuziga zaakolebwa nga nnamuziga ez’amagaali, era kwaliko
emisingi, n’empanka, n’empagi, n’emisumaali nga byonna by’akolebwa
mu kyuma ekisaanuuse.
34 Kwaliko emisituliro ena ku nsonda ennya eza buli kitebe era gyonna
nga gya kika kyekimu n’ekitebe.
35 Ku ntikko eya buli kitebe kwaliko engeri ey’ekikoba ekyekulun-
girivu; okukka kwakyo obutundu bubiri obwa mita, n’embiriizi zaakyo
n’enkulukumbi ebyagiwaniriranga, byakwataganaganga ku ntikko.
36 Ku biwanirira ne ku nkulukumbi, Kiramu yakolako ebifaananyi
ebyole ebya bakerubi, n’eby’empologoma, n’eby’enkindu mu buli kifo
omwali ebbanga, era n’ayolako ebimuli okwetooloola.

† **7:23** Bakabona baanaabanga engalo n’ebigere nga bakozesa amazzi agali mu ttanka ennene ey’ekikomo ekisaanuuse, bwe baabanga tebannawaayo biweebwayo ebyokebwa (Kuv 30:17-21)

37 Bw'atyo bwe yakola ebitebe ekkumi. Byonna yabikola mu kyuma ekisaanuuse kyekimu, era n'abikola byonna nga bya kigero kyekimu, n'okufaanana nga bifaanana.

38 N'alyoka akola amabensani kkumi, nga ga kikomo, buli emu ng'egyamu lita lunaana mu kinaana, era buli emu nga yenkana mita emu ne desimoolo munaana obugazi, ate buli bensani ng'etuula ku kitebe kyayo.
39 N'addira ebitebe bitaano ku byo n'abiteeka ku luuyi olw'obukiikaddyo obwa yeekaalu, n'ebitaano ebirala ku luuyi olw'obukiikakkono; n'ateeka Ennyanja ku luuyi olw'obukiikaddyo obw'ebuvanjuba obwa yeekaalu.
40 N'akola n'ensuwa, n'amabensani, n'ebijiiko, n'amabensani ag'okumansira.

Bw'atyo Kiramu n'amaliriza omulimu gwa yeekaalu ya Mukama gwonna gwe yakolera Kabaka Sulemaani.

41 Empagi ebbiri zombi;
ebitikkiro byombi eby'ebibya ebyayolebwa waggulu ku mpagi;
embu ebbiri ez'ebitimbe ebyali ku bitikkiro byombi eby'empagi;
42 n'ebitone ebikumi ebina eby'amakomamawanga ebyali mu mbu ebbiri, ebyali bibikka ku nkufiira ez'empagi;
43 ebitebe ekkumi n'amabensani gaakwo agaabituulangako kkumi;
44 ettanka ennene n'ebifaananyi eby'ente ennume ekkumi n'ebbiri ebyali wansi w'ettanka ennene;
45 n'ensuwa, n'ebisena, n'amabensani agamansira.

Ebintu byonna Kulamu bye yakolera Kabaka Sulemaani ku lwa yeekaalu ya Mukama byali bya bikomo bizigule.
46 Kabaka yalagira babisaanuusize mu lusenyi lwa Yoludaani awali ettaka ery'ebbumba wakati w'e Sukkosi n'e Zalesani.
47 Sulemaani teyapima bintu ebyo byonna, kubanga byali biyitiridde obungi; era tewali yapima buzito obw'ekikomo ebintu mwe byakolebwa.
48 Awo Sulemaani n'akozesa n'ebintu ebirala byonna ebyateekebwa mu yeekaalu ya Mukama:

ekyoto ekya zaabu;
emmeeza eya zaabu okwaberanga emigaati egy'okulaga;
49 ebikondo by'ettaala‡ ebya zaabu ennongoose, bitaano ku luuyi olwa ddyo n'ebitaano ku luuyi olwa kkono, byonna awamu kkumi, mu kifo awaayimirirwanga okwogera;
obusumbi bw'ebimuli; ettabaaza ne makansi nga bya zaabu;
50 bbensani, ne makansi ezisala ebisirinza, ne bbakuli ezifukirira, n'ebibya ne fulampeni, nga bya zaabu ennongoose;
eminyolo gy'enzigi egy'ekisenge eky'omunda ddala, kye Kifo Ekitukuvu Ennyo nga gya zaabu, n'egy'enzigi ez'ekisenge ekinene ddala ekya yeekaalu nga gya zaabu.

51 Omulimu gwonna Kabaka Sulemaani gwe yakola ku yeekaalu ya
Mukama bwe gwaggwa, n'aleeta ebintu Dawudi kitaawe bye yayawulirako

‡ **7:49** Mu Weema ya Mukama mwalimu ekikondo ky'ettaala kimu kyokka nga kirina amatabi musanvu, (Kuv 25:31-40; 26:35). Mu kifo kyayo, Sulemaani yassaawo ebikondo kkumi eby'ettaala

MUKAMA, effeeza ne zaabu n'ebintu ebirala byonna, n'abiteeka mu mawanika ga yeekaalu ya MUKAMA.

# 8

## *Essanduuko ya MUKAMA Ereetebwa mu Yeekaalu*

1 Awo Sulemaani n'ayita abakadde ba Isirayiri, n'abakulu b'ebika
bonna, n'abaami b'ennyumba za Isirayiri bonna, okuggya essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA mu Sayuuni ekibuga kya Dawudi, okugireeta e Yerusaalemi.
2 Bonna ne bakuŋŋaanira ewa Kabaka Sulemaani ku mbaga mu mwezi
ogwa Esanimu* gwe mwezi ogw'omusanvu.
3 Abakadde bonna aba Isirayiri bwe baatuuka, bakabona ne basitula
essanduuko,
4 ne bagireeta, ne baleeterako n'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu
n'ebintu byonna ebitukuvu ebyalimu.
5 Bakabona n'Abaleevi ne babisitula, Kabaka Sulemaani n'abo abaali
awamu naye, n'eggwanga lyonna erya Isirayiri eryali liri naye mu maaso g'essanduuko, ne bawaayo ebiweebwayo ebya ssaddaaka eby'endiga, n'ente, ebitaamanyibwa muwendo.
6 Bakabona ne bayingiza essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA mu
kifo kyayo, mu kisenge eky'omunda, mu Kifo Ekitukuvu Ennyo, wansi w'ebiwaawaatiro bya bakerubi.
7 Ebiwaawaatiro bya bakerubi byali byanjuluze ku kifo essanduuko we
yateekebwa, ne bibikka ku ssanduuko ne ku misituliro gyayo.
8 Emisituliro gino gyali miwanvu nnyo nga n'okulabika girabikira mu
kifo ekitukuvu mu maaso g'ekisenge ekitukuvu ennyo, naye nga tegirabika okuva ebweru; era gikyaliyo ne leero.
9 Temwali kintu mu ssanduuko okuggyako ebipande ebibiri
eby'amayinja Musa bye yateekamu e Kolebu, MUKAMA bwe yalagaana endagaano n'abaana ba Isirayiri, nga bavudde mu nsi y'e Misiri.
10 Awo bakabona bwe baava mu kifo ekitukuvu, ekire ne kibuna
yeekaalu ya MUKAMA,
11 bakabona n'okuyinza ne batayinza kuweereza olw'ekire, kubanga
ekitiibwa kya MUKAMA kyali kibunye mu yeekaalu.
12 Awo Sulemaani n'agamba nti, "MUKAMA yayogera nti anaabeeranga
mu kire ekikutte.
13 Nkuzimbidde yeekaalu ey'ekitiibwa, ekifo ky'onoobeerangamu
emirembe gyonna."
14 Ekibiina kyonna ekya Isirayiri bwe kyali kiyimiridde awo, kabaka
n'abakyukira n'abasabira omukisa.
15 N'ayogera nti,
"MUKAMA yeebazibwe, Katonda wa Isirayiri, atuukirizza n'omukono gwe bye yasuubiza Dawudi kitange ne bye yayogerera mu ye.
16 Yayogera nti, 'Okuva ku lunaku lwe naggyirako abantu bange
Isirayiri mu Misiri, seerobozanga kibuga na kimu mu bika byonna ebya Isirayiri okuzimbamu yeekaalu, naye neeroboza Dawudi okufuga abantu bange Isirayiri.'
17 "Era kyali mu mutima gwa Dawudi kitange okuzimbira erinnya lya
MUKAMA, Katonda wa Isirayiri yeekaalu.

---

* **8:2** Esanimu Omwezi gwa Esanimu ly'ebbanga wakati wa Sebutemba ne Okitobba.

18 Naye MUKAMA n'agamba Dawudi kitange nti, 'Kubanga kyali mu mutima gwo okuzimbira erinnya lyange eyeekaalu, walowooza bulungi.

19 Naye si ggwe olinzimbira yeekaalu, mutabani wo alikuzaalirwa, ow'omusaayi gwo yennyini, y'alizimbira erinnya lyange eyeekaalu.'

20 "MUKAMA atuukirizza kye yasuubiza, ne nsikira Dawudi kitange, n'okutuula ne ntuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri, nga MUKAMA bwe yasuubiza, era nzimbidde erinnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri eyeekaalu.

21 Ntaddewo ekifo ky'essanduuko, omuli endagaano ya MUKAMA gye yakola ne bajjajjaffe, ng'abaggya mu nsi y'e Misiri."

### *Okusaba kwa Sulemaani okw'Okuwaayo Yeekaalu eri MUKAMA*

22 Awo Sulemaani n'ayimirira mu maaso g'ekyoto kya MUKAMA ekibiina kyonna ekya Isirayiri nga kiraba, n'ayanjuluza emikono gye eri eggulu,

23 n'ayogera nti,

"Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri, tewali Katonda akufaanana mu ggulu waggulu oba wansi ku nsi, gwe akuuma endagaano yo ey'okwagala n'okuuma n'abaddu bo abatambulira mu maaso go n'emitima gyabwe gyonna.

24 Okuumye ekisuubizo kyo eri omuddu wo Dawudi kitange; wasuubiza n'akamwa ko era okituukirizza n'omukono gwo, nga bwe kiri leero.

25 "Kaakano MUKAMA, Katonda wa Isirayiri, otuukirize bye wasuubiza omuddu wo Dawudi kitange, bwe wagamba nti, 'Abaana bo bwe baneegenderezanga mu buli kye banaakolanga, ne batambuliranga mu maaso gange nga bw'okoze, wanaabangawo ow'omu lulyo lwo anaatuulanga ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri mu maaso gange.'

26 Era kaakano, Ayi Katonda wa Isirayiri, ekigambo kyo kye wasuubiza omuddu wo Dawudi kitange, okituukirize.

27 "Naye ddala Katonda anaabeeranga ku nsi? Laba, eggulu n'eggulu ly'eggulu terikumala, ne yeekaalu eno toyinza kugigyamu.

28 Kaakano osseeyo omwoyo eri okusaba kw'omuddu wo n'okwegayirira kwe, Ayi MUKAMA Katonda wange. Owulire okukaaba n'okusaba omuddu wo kw'asaba mu maaso go leero.

29 Amaaso go gatunuulirenga yeekaalu eno emisana n'ekiro, ekifo kino kye wayogerako nti, 'Erinnya lyange linaabeeranga omwo,' okuwulira okusaba kw'omuddu wo kw'asabira ekifo kino.

30 Owulire okwegayirira kw'omuddu wo, n'okw'abantu bo Isirayiri, bwe banasabanga nga batunuulidde ekifo kino. Owulire okuva mu ggulu, ekifo gy'obeera, era bw'otuwulira, tukwegayiridde otusonyiwe.

31 "Omuntu bw'anaasobyanga muliraanwa we, ne kimugwanira okulayira, n'ajja n'alayirira mu maaso g'ekyoto mu yeekaalu eno,

32 owulire okuva mu ggulu, era omukole nga bw'olaba. Osale omusango wakati wa baddu bo, era obonereze oyo omusango gwe gusinze nga bwe kimusaanidde. Olangirire nti atasobezza taliiko musango, ekyo kinaakakasa nti taliiko musango.

33 "Abantu bo Isirayiri bwe banaawaangulibwanga omulabe olw'ebibi byabwe, ne bakyuka ne badda gy'oli, ne baatula erinnya lyo, ne basaba ne bakwegayirira mu yeekaalu muno,

34 kale owulirenga ng'oli mu ggulu, era osonyiwenga abantu bo Isirayiri olw'ebibi byabwe, era obakomyengawo mu nsi gye wawa bajjajjaabwe.

35 “Eggulu bwe linaggalwangawo ne wataba nkuba, olw’ebibi byabwe,
era bwe banasabanga nga batunuulira ekifo kino ne baatula erinnya lyo
ne bakyuka okuleka ekibi kyabwe, olw’okubabonereza,

36 kale owulirenga ng’oli mu ggulu, era obasonyiwenga ek-
ibi ky’abaddu bo, abantu bo Isirayiri. Obayigirize ekkubo etuufu
ery’okutambulirangamu, era otonnyese enkuba ku nsi gye wawa abantu
bo ng’omugabo gwabwe.

37 “Bwe wanaabangawo enjala mu nsi, oba kawumpuli, oba okugenge-
wala oba bukuku, oba enzige, oba omulabe ng’abazingizza mu bibuga
byabwe, endwadde yonna ne bweneefaanananga etya,

38 omuntu yenna ku bantu bo bw’anaasabiranga ekintu kyonna, buli
omu n’amanya endwadde ey’omu mutima gwe, era n’ayanjuluza emikono
gye eri yeekaalu eno, kale owulirenga ng’oli mu ggulu, ekifo gy’obeera.

39 Osonyiwenga era okolenga buli muntu ng’ebikolwa bye bwe biri,
kubanga ggwe wekka ggwe omanyi, emitima gy’abantu bonna,

40 balyoke bakutyenga ennaku zonna ze banaabeeranga mu nsi gye
wawa bajjajjaffe.

41 “Ebikwata ku munnaggwanga atali wa mu bantu bo Isirayiri, naye
ng’avudde mu nsi ey’ewala olw’erinnya lyo,

42 kubanga abantu baliwulira erinnya lyo ekkulu n’omukono gwo
ogw’amaanyi, bw’anajjanga n’asaba ng’atunuulidde yeekaalu eno;

43 owulirenga ng’oli mu ggulu, ekifo gy’obeera, era okolenga buli kintu
kyonna omunaggwanga oyo ky’anaakusabanga, abantu bonna ab’omu nsi
bamanye erinnya lyo era bakutyenga, ng’abantu bo Isirayiri bwe bakola,
era bamanyenga nti Ennyumba eno gye nzimbye, etuumiddwa erinnya
lyo.

44 “Abantu bo bwe banaatabaalanga abalabe baabwe
gy’onoobasindikanga ne basaba MUKAMA nga batunuulidde ekibuga
kye weeroboza ne yeekaalu gye nzimbidde erinnya lyo,

45 kale owulirenga okusaba kwabwe n’okwegayirira kwabwe ng’oli
mu ggulu, otegeere ensonga zaabwe.

46 “Bwe banaayonoonanga mu maaso go, kubanga tewali muntu ata-
sobyanga, n’obasunguwalira n’obagabula eri omulabe, ne batwalibwa
mu nsi eyeewala oba eyokumpi;

47 era bwe banaakyusanga emitima gyabwe nga bali mu nsi gye
baabatwala ne babasibira eyo, ne beenenya era ne bakwegayiririra mu
nsi y’abo abaabatwala nga boogera nti, ‘Twayonoona, twakola ebikyamu
era ne tukola ekyejo;’

48 bwe banaakukyukiranga n’omutima gwabwe gwonna n’emmeeme
yaabwe yonna mu nsi ey’abalabe baabwe abaabawamba, ne bakusaba
nga batunuulidde ensi gye wawa bajjajjaabwe, ekibuga kye weeroboza ne
yeekaalu gye nzimbidde erinnya lyo;

49 kale owulirenga okusaba kwabwe n’okwegayirira kwabwe ng’oli
mu ggulu ekifo gy’obeera, era otegeerenga ensonga yaabwe.

50 Osonyiwenga abantu bo abakusobezza, era obasonyiwenga ebibi
byabwe byonna, era abo abaabawangula babakwatirwe ekisa,

51 kubanga bantu bo era gwe mugabo gwo, be waggya mu Misiri, mu
kyoto ekisaanuusa ekyuma.

52 “Ontunuulize amaaso ag’ekisa olabe okwegayirira kw’abantu bo
Isirayiri, era obawulirenga buli lwe banaakukaabiriranga.

53 Ayi MUKAMA Ayinzabyonna gwe walonda abantu bo mu mawanga
gonna ag’omu nsi okuba ababo, nga bwe wayogerera mu muddu wo Musa,
bwe waggya bajjajjaffe mu Misiri.”
54 Awo Sulemaani bwe yamala okusaba n’okwegayiririra abantu eri
MUKAMA, n’asituka okuva we yali afukamidde ng’emikono gye ajanjuluza
eri eggulu, mu maaso g’ekyoto kya MUKAMA.
55 N’ayimirira n’asabira ekibiina kyonna ekya Isirayiri omukisa mu
ddoboozi ery’omwanguka ng’agamba nti,
56 “MUKAMA yeebazibwe awadde abantu be Isirayiri okuwummula
nga bwe yasuubiza. Tewali kigambo na kimu ekitatuukiridde ku ebyo
ebirungi bye yasuubiza omuddu we Musa.
57 MUKAMA Katonda waffe abeere wamu naffe nga bwe yali ne
bajjajjaffe, era aleme okutuleka wadde okutwabulira.
58 Akyuse emitima gyaffe tudde gyali, okutambuliranga mu makubo
ge gonna, n’okukwatanga ebiragiro bye, n’amateeka ge, n’ebigambo bye
n’emisango gye bye yawa bajjajjaffe.
59 N’ebigambo byange bino bye nsabye mu maaso ga MUKAMA,
bibeerenga kumpi ne MUKAMA Katonda waffe emisana n’ekiro, alyoke
awanirire ensonga y’abantu be Isirayiri, ng’ebyetaago ebya buli lunaku,
60 abantu bonna ab’oku nsi bategeere nga MUKAMA ye Katonda era
tewali mulala.
61 Naye emitima gyammwe giteekwa okunywerera ku MUKAMA Ka-
tonda waffe, nga mutambulira mu mateeka ge, n’okugondera ebiragiro
bye, nga bwe mukola leero.”

### *Okuwonga kwa Yeekaalu*

62 Awo Kabaka ne Isirayiri yonna ne bawaayo ssaddaaka mu maaso ga
MUKAMA.
63 Sulemaani yawaayo ssaddaaka ey’ebiweebwayo olw’emirembe eri
MUKAMA, era bino bye yawaayo: ente emitwalo ebiri, n’endiga n’embuzi
emitwalo kkumi n’ebiri. Bwe batyo Kabaka n’Abayisirayiri bonna ne
bawonga yeekaalu ya MUKAMA.
64 Ku lunaku olwo Kabaka kwe yatukuliza oluggya olwa wakati mu
maaso ga yeekaalu ya MUKAMA, era eyo n’aweerayo ebiweebwayo
ebyokebwa, n’eby’obutta, n’amasavu g’ebiweebwayo olw’emirembe,
kubanga ekyoto eky’ekikomo mu maaso ga MUKAMA kyali kitono nnyo oku-
gyaako ebiweebwayo ebyokebwa, n’ebiweebwayo eby’obutta, n’amasavu
g’ebiweebwayo olw’emirembe.
65 Sulemaani ne Isirayiri yonna wamu naye, ne batuukiriza embaga eyo
mu biro ebyo, ekibiina ekinene ddala mu maaso ga MUKAMA Katonda
waffe, nga beegatiddwako abantu abaava ku mulyango gwa Kamasi
n’abaava ku mukutu gw’e Misiri, okumala ennaku kkumi na nnya.
66 Ku lunaku olwaddirira abantu ne basabira Kabaka omukisa,
n’abasiibula ne baddayo ewaabwe nga basanyuka era nga bajaguza mu
mutima olw’ebirungi byonna MUKAMA bye yali akoledde Dawudi omuddu
we n’abantu be Isirayiri.

## 9

### *MUKAMA Alabikira Sulemaani*

1 Awo Sulemaani bwe yamala okuzimba yeekaalu ya MUKAMA n’olubiri
lwe, n’okuzimba ebyo byonna bye yasiima,

2 MUKAMA n'amulabikira omulundi ogwokubiri, nga bwe yamulabikira e Gibyoni.
3 MUKAMA n'amugamba nti,
"Mpulidde okusaba n'okwegayirira kw'owaddeyo gye ndi; ntukuzizza yeekaalu eno gy'ozimbye, n'erinnya lyange, emirembe gyonna. Amaaso gange n'omutima gwange binaabeeranga omwo.
4 "Naawe bw'onootambuliranga mu maaso gange n'omutima ogw'amazima n'obugolokofu, nga Dawudi kitaawo bwe yakola, era n'okolanga bye nkulagira byonna, n'okwatanga amateeka gange,
5 nnaanyweza entebe yo ey'obwakabaka mu Isirayiri emirembe gyonna, nga bwe nasuubiza Dawudi kitaawo bwe n'ayogera nti, 'Tolirema kuba na musajja ow'omu lulyo lwo anaatuulanga ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri.'
6 "Naye ggwe oba batabani bo bwe munanjeemeranga ne mutakwatanga biragiro byange n'amateeka ge mbawadde, ne mutanula okuweereza bakatonda abalala,
7 kale ndiggya ku Isirayiri ensi gye mbawadde era ne yeekaalu gye ntukuzizza n'erinnya lyange ndigireka. Olwo Isirayiri erifuuka eky'okunyoomoolwa n'ekyokusekererwa mu mawanga gonna.
8 Newaakubadde nga yeekaalu eno eyatiikirira kaakano, buli anaayitangawo aneewunyanga n'aŋŋoola ng'agamba nti, 'Kiki ekireetedde MUKAMA okukola ekintu bwe kiti ku nsi eno ne ku yeekaalu eno?'
9 Abantu baliddamu nti, 'Kubanga baava ku MUKAMA Katonda waabwe, eyaggya bajjajjaabwe mu Misiri, ne basembeza bakatonda abalala, n'okubasinza ne babasinza era n'okubaweereza ne babaweereza. MUKAMA kyavudde ababonereza mu ngeri eyo.' "

### *Ebintu Ebirala Sulemaani bye Yakola*

10 Ku nkomerero y'emyaka amakumi abiri, mu kiseera Sulemaani mwe yazimbira ebizimbe byombi, eyeekaalu ya MUKAMA, n'olubiri lwe olw'obwakabaka,
11 Kabaka Sulemaani yagabira Kiramu kabaka w'e Ttuulo ebibuga amakumi abiri, olw'emivule, n'emiberosi ne zaabu bye yaweereza Sulemaani.
12 Naye Kiramu bwe yava e Ttuulo n'agenda okulambula ebibuga Sulemaani bye yamugabira, ne bitamusanyusa.
13 N'amubuuza nti, "Bino bibuga bya ngeri ki by'ompadde muganda wange?" N'abituuma erinnya Kabuli, era bwe biyitibwa n'okutuusa olunaku lwa leero.
14 Kiramu yali aweerezza kabaka ttani nnya eza zaabu.
15 Kabaka Sulemaani mu buyinza bwe n'amaanyi ge, yakuŋŋaanya abasajja ab'amaanyi bangi okuzimba yeekaalu ya MUKAMA, n'olubiri lwe, n'obusenge obuwagika bbugwe wa Yerusaalemi, n'ebibuga ebya Kazoli, ne Megiddo ne Gezeri.
16 Falaawo, ye kabaka w'e Misiri yali atabadde, n'okuwamba n'awamba Gezeri, n'akireka ng'akikumyeko omuliro, ng'asse Abakanani abaakibeerangamu. Ekifo ekyo n'akigabira muwala we, muka Sulemaani ng'ekirabo ku mbaga yaabwe.
17 Awo Sulemaani n'akizimba buggya; n'azimba ne Besukolooni ekya wansi,
18 Baalasi ne Tamali mu ddungu,

19 n'ebibuga eby'amawanika, n'omwakuumirwanga amagaali,
n'abeebagala embalaasi ze, ne byonna bye yayagala okuzimba mu
Yerusaalemi, ne mu Lebanooni ne mu bitundu byonna bye yafuganga.
20 Abantu bonna abaasigalawo ku Bamoli, n'Abakiiti, n'Abaperezi,
n'Abakiivi n'Abayebusi, abataali Bayisirayiri,
21 Abayisirayiri be bataayinza kuzikiririza ddala, Sulemaani n'abafuula
baddu, n'okutuusa leero.
22 Naye teyafuula Muyisirayiri n'omu muddu, wabula bo baali nga
balwanyi be, na bakungu be, na baami be, na baduumizi b'amagaali na
beebagazi ba mbalaasi ze.
23 Era be baali nga abakungu abaavunaanyizibwanga emirimu gye
gyonna, era abo bonna abaavunaanyizibwanga emirimu egyo, awamu nga
bawera abakungu ebikumi bitaano mu ataano.
24 Awo muwala wa Falaawo bwe yava mu kibuga kya Dawudi n'agenda
mu lubiri Sulemaani lwe yamuzimbira, Sulemaani n'azimba obusenge
obuwagika bbugwe.
25 Sulemaani yawangayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo
eby'emirembe ku kyoto kye yazimbira MUKAMA, emirundi esatu* mu
mwaka, ng'ayotereza obubaane mu maaso ga MUKAMA, ng'atuukiriza
obulombolombo bwa yeekaalu.
26 Kabaka Sulemaani yazimba n'ebyombo mu Eziyonigeba† okuliraana
Erosi mu Edomu, ku lubalama lw'ennyanja Emyufu.
27 Kiramu n'aweereza abasajja be abalunnyanja okukoleranga awamu
n'aba Sulemaani.
28 Ne baseeyeeya okutuuka mu Ofiri‡, ne baleeta ttani kkumi na nnya
eza zaabu eri Sulemaani.

# 10

### *Okukyala kwa Kabaka Omukazi ow'e Seeba*

1 Awo kabaka omukazi ow'e Seeba bwe yawulira ettutumo lya Sule-
maani n'okwagala kwe yalina eri MUKAMA, n'ajja amugezese n'ebibuuzo
ebizibu.
2 Yatuuka mu Yerusaalemi, n'ekibiina ky'abantu ekinene ennyo,
n'eŋŋamira ezaali zeetisse ebyakaloosa, ne zaabu ennyingi ennyo,
n'amayinja ag'omuwendo. Yanyumya ne Sulemaani ku ebyo byonna
ebyali ku mutima gwe.
3 Awo Sulemaani n'addamu ebibuuzo byonna, era tewaali na kimu ku
byo ekyamuzibuwalira.
4 Kabaka omukazi ow'e Seeba bwe yalaba amagezi ga Sulemaani ago
gonna, n'olubiri lwe yazimba,
5 n'emmere eyagabulwanga ku mmeeza ye, n'engeri abakungu be
gye baatuuzibwangamu, n'ennyambala y'abaddu be, n'abasenero be,
n'ebiweebwayo ebyokebwa bye yawangayo mu yeekaalu ya MUKAMA, ne
yeewunya nnyo.

---

* **9:25** Emirundi esatu mu mwaka, z'embaga ssatu enkulu: Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse, n'Embaga eya Wiiki, n'Embaga ey'Ensiisira (Kuv 23:14-17; Ma 16:16; 2By 8:13)
† **9:26** Eziyonigeba Sulemaani bwe yawamba omwalo gw'omu Eziyonigeba, ekyali mu Edomu, kyamusobozesa okusuubuliranga ku Nnyanja Emyufu ne ku Guyanja ogunene ogwa Buyindi
‡ **9:28** Ofiri Bangi bagamba Ofiri kyali kibuga ku myalo gya Buwalabu oba ku mwalo gwa Somaliya, oba Buyindi oba Zimbabwe. Tekimanyiddwa bulungi.

6 N'amugamba nti, "Bye nawulira nga ndi mu nsi yange, ku ebyo by'okoze n'amagezi go, bya mazima.
7 Ssakkiriza bigambo ebyo okutuusa lwe neesitukira ne nzija neerabireko n'agange. Kya mazima ddala nabulirwako kitundu butundu kyokka; kubanga amagezi go, n'obugagga bwo bisinga ku ebyo bye nawulira.
8 Abasajja bo nga beesiimye! N'abakungu abayimirira mu maaso go ne bawulira ebigambo eby'amagezi nga beesiimye!
9 Yeebazibwe MUKAMA Katonda wo akusanyukira era akutadde ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri. Olw'okwagala kwa MUKAMA okutaggwaawo, akufudde kabaka, okukuuma obwenkanya n'obutuukirivu."
10 N'agabira kabaka ttani nnya eza zaabu, n'ebyakaloosa bingi nnyo nnyini, n'amayinja ag'omuwendo. Tewaaleetebwa nate byakaloosa byenkana awo obungi ng'ebyo kabaka omukazi ow'e Seeba bye yawa Sulemaani.
11 (Emmeeri za Kiramu zaaleetanga zaabu okuva e Ofiri, n'emitoogo mingi, era n'amayinja ag'omuwendo.
12 Kabaka yakozesa emitoogo okukola empagi za yeekaalu ya MUKAMA Katonda n'ez'olubiri lw'obwakabaka, n'okukola ennanga, n'entongooli z'abayimbi. Tewalabikanga mitoogo mingi bwe gityo n'okutuusa ku lunaku lwa leero.)
13 Awo kabaka Sulemaani n'awa kabaka omukazi ow'e Seeba byonna bye yayagala ne bye yasaba, obutassaako ebyo Sulemaani bye yamuwa okuva ku byobugagga bw'obwakabaka bwe. Oluvannyuma kabaka omukazi ow'e Seeba n'addayo mu nsi ye n'ekibiina ky'abantu be, be yajja nabo.

### *Obugagga bwa Sulemaani*

14 Obuzito obwa zaabu obwaleetebwanga eri Sulemaani buli mwaka bwali ttani amakumi abiri mu ssatu,
15 nga tobaliddeeko musolo ogwawebwangayo abasuubuzi n'ab'ebyamaguzi, ate era n'ogwasoloozebwanga okuva ku bakabaka Abawalabu bonna ne bagavana.
16 Kabaka Sulemaani yaweesa engabo ennene ebikumi bibiri mu zaabu, buli ngabo ng'erimu kilo ssatu n'ekitundu eza zaabu.
17 Yakola n'engabo entono ebikumi bisatu, nga nazo za zaabu, buli ngabo nga ya kilo emu n'ekitundu eza zaabu. Ezo zonna kabaka yaziterekanga mu lubiri olwazimbibwa mu miti egyava mu kibira kya Lebanooni.
18 Awo kabaka n'akola entebe ey'obwakabaka ennene ddala nga ya masanga n'agibikkako zaabu ennongoose.
19 Entebe ey'obwakabaka yalina amadaala mukaaga, waggulu waayo aweesigamwa nga weekulungirivu. Eruuyi n'eruuyi w'entebe waaliyo empologoma nga ziyimiridde ku mabbali g'emikono.
20 Empologoma kkumi na bbiri zaali ku madaala mukaaga, eruuyi mukaaga n'eruuyi mukaaga. Tewaali ntebe ndala yonna ey'obwakabaka eyali ekoleddwa eri ng'eyo mu bwakabaka obulala bwonna mu biseera ebyo.
21 Ebikompe byonna ebya kabaka Sulemaani byali bya zaabu, ne byonna ebyali mu lubiri lwe olwakolebwa mu kibira kya Lebanooni. Tewali kyakolebwa mu ffeeza, kubanga ffeeza teyali ya muwendo nnyo mu biro ebyo.

22 Kabaka yalina ebyombo ebya maguzi ku nnyanja ebyakozesebwanga
awamu n'ebya Kiramu, ebyaleetanga zaabu, ne ffeeza, n'amasanga,
n'enkobe n'enkima eza buli ngeri omulundi gumu mu buli myaka esatu.
23 Kabaka Sulemaani yalina obugagga bungi nnyo nnyini, n'amagezi
mangi nnyo okusinga bakabaka abalala bonna ku nsi.
24 Ensi yonna yanoonyanga era yeesunganga okulaba ku Sulemaani
n'okuwuliriza amagezi, Katonda ge yamuwa.
25 Buli mwaka, buli omu eyajjanga okumukyalira, yamuleeteranga
ekirabo, oluusi yabeeranga zaabu ne ffeeza, oluusi ngoye, oluusi byakul-
wanyisa, oluusi byakaloosa, oluusi mbalaasi n'ennyumbu.
26 Sulemaani yakuŋŋaanya embalaasi n'amagaali, era yalina amagaali
lukumi mu bina, n'abeebagazi b'embalaasi omutwalo gumu mu enkumi
bbiri, be yakuumiranga mu bibuga omwakuumirwanga amagaali, ne mu
Yerusaalemi okumpi naye.
27 Kabaka n'afuula ffeeza okuba ng'amayinja aga bulijjo mu
Yerusaalemi, n'emivule n'agifuula okuba ng'emisukamooli egiri mu
biwonvu olw'obungi bwagyo.
28 Embalaasi za Sulemaani zaagulibwanga mu Misiri.
29 Eggaali zaagulibwanga kilo musanvu eza ffeeza, na buli mbalaasi
ng'egulibwa kilo emu n'ekitundu eza ffeeza mu Misiri. Ate era baazitun-
zanga ne bakabaka ab'Abakiiti ne bakabaka ab'e Busuuli.

# 11

*Abakazi ba Sulemaani*

1 Kabaka Sulemaani yayagala abakazi bannaggwanga bangi:
Abamowaabu, n'Abamoni, n'Abayedomu, n'Abasidoni, n'Abakiiti,
ng'okwo kw'ogasse muwala wa Falaawo,
2 nga bava mu mawanga MUKAMA ge yayogerako ng'alabula Abay-
isirayiri nti, "Temufumbiriganwanga nabo kubanga tebalirema kukyusa
mitima gyammwe okugoberera bakatonda baabwe." Naye omutima gwa
Sulemaani ne guwugulwa, era naabagala.
3 Sulemaani yalina abakyala lusanvu abambejja, n'abakazi abalala
ebikumi bisatu, era abo bonna ne bamuwabya.
4 Mu bisera bya Sulemaani eby'obukadde, bakyala be ne basendasenda
omutima gwe okugoberera bakatonda abalala.
5 N'atanula okusinza Asutoleesi katonda omukazi ow'Abasidoni, ne
Mirukomu katonda ow'omuzizo ow'Abamoni.
6 Sulemaani n'akola ebitaali bya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA
n'atagobererera ddala MUKAMA, n'atakola nga Dawudi kitaawe bwe
yakola.
7 Sulemaani n'azimba ebifo ebigulumivu ku kasozi* akali ebu-
vanjuba w'e Yerusaalemi, ng'abizimbira Kemosi katonda ow'omuzizo
ow'Abamowaabu, ne Moleki katonda ow'omuzizo ow'Abamoni.
8 Bakyala be bonna bannamawanga, abaayoterezanga obubaane eri
bakatonda baabwe, nabo n'abakolera bw'atyo.
9 MUKAMA n'asunguwalira Sulemaani kubanga omutima gwe gwava ku
MUKAMA Katonda wa Isirayiri, eyamulabikira emirundi ebiri.
10 Newaakubadde nga MUKAMA yali alabudde Sulemaani obutagoberera
bakatonda abalala, Sulemaani teyagondera kiragiro kya MUKAMA.

* **11:7** Akasozi akali ebuvanjuba w'e Yerusaalemi lwe lusozi lw'Emizeeyituuni, oluyitibwa Olusozi olw'Obwonoonefu (2Bk 23:13)

11 MUKAMA kyeyava agamba Sulemaani nti, “Olw’empisa zo,
n’obutakuuma ndagaano yange newaakubadde okugondera amateeka
gange ge nakulagira, ndikuggyako obwakabaka, ne mbuwa omu ku baddu
bo.
12 Naye olwa Dawudi kitaawo, ekyo sirikikola mu biro byo, ndikikola,
mutabani wo atandise okufuga.
13 Ate era sirimuggyako bwakabaka bwonna, naye ndimuwa ekika kimu
ku lwa Dawudi omuddu wange, n’olwa Yerusaalemi, kye neerondera.”

### *Abalabe ba Sulemaani*

14 Awo MUKAMA n’ayimusiza Sulemaani omulabe erinnya lye Kadadi
Omwedomu, ow’olulyo olulangira mu Edomu.
15 Emabegako Dawudi bwe yali alwana ne Edomu, Yowaabu omudu-
umizi w’eggye eyali agenze okuziika Abayisirayiri abaali battiddwa,
yasigalayo n’atta abasajja bonna mu Edomu.
16 Yowaabu n’Abayisirayiri bonna be yagenda nabo ne babeera eyo
okumala emyezi mukaaga, okutuusa lwe baasaanyaawo abasajja bonna
mu Edomu.
17 Naye Kadadi, ng’akyali mulenzi, yaddukira e Misiri n’abakungu
abamu Abayedomu abaweerezanga kitaawe.
18 Ne bagolokoka okuva mu Midiyaani okugenda e Palani. Ne bafuna
abasajja okuva mu Palani, ne bagenda e Misiri, ewa Falaawo, ye kabaka
w’e Misiri, eyamuwa ennyumba ne ttaka, era n’amuwanga n’emmere
ey’okulya.
19 Awo Kadadi n’alaba ekisa mu maaso ga Falaawo n’okumuwa
n’amuwa mulamu we, muganda wa Tapenesi kaddulubaale, okumu-
fumbirwa.
20 Muganda wa Tapenesi n’azaalira Kadadi omwana wabulenzi
n’amutuuma Genubasi, era Tapenesi n’amutwala mu lubiri okumula-
birira. Genubasi n’akulira eyo wamu n’abaana ba Falaawo.
21 Kadadi bwe yali mu Misiri, n’awulira nti Dawudi yeebakira wamu
ne bajjajjaabe era nga ne Yowaabu omuduumizi w’eggye yafa, n’agamba
Falaawo nti, “Ka nzireyo ewaffe mu nsi yange.”
22 Falaawo n’amubuuza nti, “Kiki ky’otofunye wano, ekikwagaza
okuddayo mu nsi yo?” Kadadi n’amuddamu nti, “Tewali, naye nzikiriza
ŋŋende.”
23 Katonda n’ayimusiza Sulemaani, omulabe omulala, erinnya lye Lezoni
mutabani wa Eriyada, eyali adduse ku mukama we Kadadezeri kabaka w’e
Zoba.
24 Dawudi bwe yatta eggye ly’e Zoba, Lezoni n’akuŋŋaanya abasajja aba-
jeemu n’afuuka mukulu waabwe, n’addukira e Ddamasiko, n’akiwamba,
n’abeera eyo nga gy’afugira.
25 Yali mulabe wa Isirayiri ennaku zonna ez’obulamu bwa Sulemaani,
ng’okwo kw’otadde emitawaana Kadadi gye yaleetera Isirayiri. Lezoni
n’addukira mu Alamu, era n’abeera mulabe wa Isirayiri omuzibu ennyo.

### *Yerobowaamu Ajeemera Sulemaani*

26 Yerobowaamu mutabani wa Nebati, Omwefulayimu ow’e Zereda,
nnyina nga ye nnamwandu wa Zeruwa, ate nga y’omu ku bakungu ba
Sulemaani, n’ajeemera kabaka.
27 Eno y’engeri gye yajeemeramu kabaka: Sulemaani yali azimbye
obusenge obuwagika, ng’azibye ebituli ebyali mu bbugwe ow’ekibuga kya
Dawudi kitaawe.

28 Yerobowaamu yali musajja mwesimbu, era Sulemaani bwe yalaba omulimu gwe omulungi, n'amusiima n'amufuula omukulu w'emirimu gyonna egy'amaanyi mu nnyumba ya Yusufu.
29 Awo mu biro ebyo Yerobowaamu bwe yali ng'ava mu Yerusaalemi, n'asisinkana Akiya nnabbi w'e Siiro ng'ayambadde ekyambalo ekiggya, baali bokka ku ttale.
30 Akiya n'addira ekyambalo kye n'akiyuzaamu ebitundu kkumi na bibiri.
31 N'agamba Yerobowaamu nti, "Weetwalire ebitundu kkumi, kubanga bw'atyo bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, 'Laba, ŋŋenda kuggya ku Sulemaani obwakabaka, nkuweeko ebika kkumi.
32 Naye olw'omuddu wange Dawudi n'ekibuga Yerusaalemi, kye neerondera mu bika byonna ebya Isirayiri, alisigazaako ekika kimu.
33 Kino ndikikola kubanga banvuddeko ne basinza Asutoleesi katonda omukazi ow'Abamoni, ne batatambulira mu kkubo lyange, wadde okukola ebituufu mu maaso gange newaakubadde okugondera ebiragiro byange oba amateeka gange, nga Dawudi kitaawe wa Sulemaani bwe yakola.
34 " 'Naye Sulemaani sirimuggyako bwakabaka bwonna, wabula ndimuleka nga y'afuga ennaku zonna ez'obulamu bwe olw'omuddu wange Dawudi, gwe nalonda era eyagondera amateeka n'ebiragiro byange.
35 Ndiggya obwakabaka ku mutabani wa Sulemaani, ne nkuwa ebika kkumi.
36 Ekika ekimu ndikiwa mutabani we, omuddu wange Dawudi abeerenga n'ettabaaza mu maaso gange mu Yerusaalemi, ekibuga kye neeroboza olw'erinnya lyange.
37 Wabula, ggwe ndikutwala, era olifuga wonna omutima gwo gye gulisiima, era olibeera kabaka wa Isirayiri.
38 Bw'onoogonderanga byonna bye nkulagira n'otambuliranga mu makubo gange, era n'okolanga ebituufu mu maaso gange ng'okugonderanga ebiragiro n'amateeka gange, nga Dawudi omuddu wange bwe yakola, nnaabeeranga naawe. Ndikukolera ekika eky'enkalakkalira, nga kye nakolera Dawudi, era ndikuwa ne Isirayiri.
39 Kyendiva nzikakkanya ezzadde lya Dawudi, naye si bbanga lyonna.' "
40 Sulemaani n'agezaako okutta Yerobowaamu, naye Yerobowaamu n'addukira e Misiri, ewa Sisaki† kabaka waayo, n'abeera eyo okutuusa Sulemaani bwe yafa.

### *Okufa kwa Sulemaani*

41 Ebyo byonna ebyabaawo ku mulembe gwa Sulemaani, ne byonna bye yakola, n'amagezi ge yalaga, byawandiikibwa mu bitabo eby'ebyafaayo ebya Sulemaani.
42 Sulemaani yafuga Isirayiri yonna ng'ali mu Yerusaalemi okumala emyaka amakumi ana.
43 N'afa n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi kitaawe. Awo Lekobowaamu mutabani we n'amusikira.

## 12

### *Isirayiri Bajeemera Lekobowaamu*

† **11:40** Sisaki ye falaawo eyasooka mu kyasa ky'abafuzi ab'amakumi abiri mu ebiri mu Misiri (945–924 BC).

1 Lekobowaamu n'alaga e Sekemu, Abayisirayiri bonna gye baali
bakuŋŋaanidde okumufuula kabaka.
2 Yerobowaamu mutabani wa Nebati bwe yawulira ekyo, ng'ali e Misiri,
gye yali yeewaŋŋangusirizza, n'akomawo.
3 Abantu ne batumira Yerobowaamu, ye n'ekibiina kyonna ekya Isirayiri
ne bagenda ewa Lekobowaamu, ne bamugamba nti,
4 "Kitaawo yatuteekako ekikoligo ekizito, naye kaakano wewula ku
mirimu emizibu ne ku kikoligo ekizito kye yatuteekako, naffe tu-
naakuweereza."
5 Lekobowaamu n'abaddamu nti, "Mumpe ebbanga lya nnaku ssatu,
n'oluvannyuma nnaabaddamu." Abantu ne beetambulira.
6 Awo kabaka Lekobowaamu n'agenda ne yeebuuza ku bakadde
abaaweerezanga kitaawe Sulemaani, mu biseera bwe yali ng'akyali
mulamu. N'ababuuza nti, "Mumpa magezi ki, ku nsonga abantu bano
gye bansabye?"
7 Ne bamuddamu nti, "Leero bw'onoobeera omuwulize eri abantu
bano ne weetoowaza, n'obaweereza, era n'obaddamu n'eggonjebwa, kale
banaabeeranga baweereza bo."
8 Naye Lekobowaamu n'atawuliriza magezi abakadde ge baamuwa,
n'agenda ne yeebuuza ku bavubuka be yali akuze nabo, era nga be
bamuweereza.
9 N'ababuuza nti, "Mumpa magezi ki okuddamu abantu abasabye
okuwewula ku kikoligo kitange kye yabateekako?"
10 Abavubuka abaakulira awamu naye ne bamuddamu nti, "Gamba
abantu abo abakusabye nti, 'Okendeeze ku kikoligo kitaawo kye ya-
bateekako nti, "Engalo yange eya nasswi esinga ekiwato kya kitange
obunene.
11 Kitange yabateekako ekikoligo ekizito, naye nze ndyongera ku
kikoligo kyammwe. Kitange yabakangavvulanga na nkoba, naye nze
nnaabakangavvulanga n'enjaba ez'obusagwa." ' "
12 Oluvannyuma lw'ennaku ssatu, Yerobowaamu n'abantu bonna, ne
baddayo eri Lekobowaamu, nga bwe yali abagambye okudda oluvan-
nyuma lw'ennaku essatu.
13 Awo kabaka n'addamu abantu n'ebboggo, n'agaana amagezi
abakadde ge baamuwa,
14 n'agoberera ag'abavubuka, n'ayogera nti, "Kitange yafuula ekikoligo
kyammwe okuba ekizito, naye nze nnaayongera ku kikoligo kyammwe.
Kitange yabakangavvulanga na nkoba, naye nno nze nnaabakangavvula
na njaba ez'obusagwa."
15 Kabaka n'atawuliriza bantu. Bino byonna byabaawo Mukama
atuukirize ekigambo kye yayogera eri Yerobowaamu mutabani wa Nebati
ng'ayita mu Akiya Omusiiro.
16 Awo Isirayiri yenna bwe baalaba nga kabaka agaanye okubawuliriza,
ne bamuddamu nti,

"Mugabo ki gwe tulina mu Dawudi,
oba kitundu ki kye tulina mu mutabani wa Yese?
Mudde mu weema zammwe ayi Isirayiri!
Weerabirire ggwe ennyumba ya Dawudi."

Awo Abayisirayiri* ne beddirayo ewaabwe.

* **12:16** Abayisirayiri aboogerebwako wano be b'omu bukiikakkono

17 Naye abaana ba Isirayiri abaabeeranga mu bibuga bya Yuda, ne
bafugibwa Lekobowaamu.
18 Lekobowaamu yalagira Adolaamu eyakuliranga emirimu
egy'obuwaze okugenda eri Abayisirayiri, okubalagira eby'okukola, naye
ne bamukuba amayinja ne bamutta. Naye ye Kabaka Lekobowaamu
n'awona, n'alinnya eggaali lye n'addukira e Yerusaalemi.
19 Bw'atyo Isirayiri n'ajeemera ennyumba ya Dawudi n'okutuusa leero.
20 Abayisirayiri bonna bwe baawulira nti Yerobowaamu akomyewo, ne
bamutumira ajje eri ekibiina, ne bamutikkira okuba kabaka wa Isirayiri
yonna. Ekika kya Yuda kyokka kye kyasigala nga kigoberera ennyumba
ya Dawudi.
21 Awo Lekobowaamu bwe yatuuka mu Yerusaalemi n'akuŋŋaanya
ennyumba ya Yuda yonna, n'ekika kya Benyamini, abasajja abalwanyi
emitwalo kkumi na munaana, okulwanagana n'ennyumba ya Isirayiri,
asobole okweddiza obwakabaka.
22 Naye ekigambo kya Katonda ne kijjira Semaaya omusajja wa Katonda
nti,
23 "Gamba Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani kabaka wa Yuda,
n'ennyumba ya Yuda yonna n'eya Benyamini, era n'abantu bonna nti,
24 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Temwambuka kulwana ne baganda
bammwe, Abayisirayiri. Buli omu ku mmwe addeyo eka kubanga kino
nze nkisazeewo.' " Awo ne bagondera ekigambo kya MUKAMA, ne baddayo
ewaabwe, nga MUKAMA bwe yalagira.

### *Yerobowaamu Asinza Ennyana eza Zaabu e Beseri n'e Ddaani*

25 Awo Yerobowaamu n'azimba Sekemu mu Efulayimu ensi ey'ensozi,
era n'abeera eyo. Eyo gye yava n'agenda n'azimba Penieri.
26 Yerobowaamu ne yeerowooza munda ye nti, "Obwakabaka sikulwa
nga budda mu nnyumba ya Dawudi!
27 Abantu bano bwe banayambukanga okuwaayo ebiweebwayo mu
yeekaalu ya MUKAMA mu Yerusaalemi, olunaku olumu emitima gyabwe
giyinza okukyukira mukama waabwe, Lekobowaamu, kabaka wa Yuda.
Balinzita ne badda gy'ali."
28 Awo Kabaka Yerobowaamu n'aweebwa amagezi okukola ennyana
bbiri eza zaabu. N'agamba abantu nti, "Kijja kubazitoowerera nnyo ok-
wambukanga e Yerusaalemi. Baabano bakatonda bammwe, Ayi Isirayiri,
abaabaggya mu Misiri."
29 Emu n'agiteeka mu Beseri n'endala mu Ddaani.
30 Ekintu ekyo ne kiba kibi nnyo, kubanga abantu baatuuka n'okugenda
e Ddaani okusinza ekifaananyi ky'ennyana ekyali kiteekeddwa eyo.
31 Yerobowaamu n'azimba amasabo mu bifo ebigulumivu n'alonda
bakabona† ng'abaggya mu bantu abaabulijjo, newaakubadde nga tebaali
ba kika kya Leevi.
32 N'akola embaga ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano mu mwezi
ogw'omunaana, okufaanana n'embaga ebeerawo mu Yuda, era n'awaayo
ebyokebwa ku kyoto. Kino yakikola mu Beseri ng'awaayo ssaddaaka eri
ennyana ze yakola. N'assa bakabona mu bifo ebigulumivu bye yali akoze
e Beseri.
33 Ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano mu mwezi ogw'omunaana gwe
yeerondera, n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto kye yazimba

† **12:31** Yerobowaamu yalonda bakabona abataali ba kika kya Leevi, kubanga Abaleevi abasinga obungi baali baddukidde eri Lekobowaamu (2By 11:13-17)

e Beseri. Era n'assaawo embaga Abayisirayiri gye baakuumanga,
n'ayambukanga ne ku kyoto okuwaayo ebyokebwa.

# 13

*Omusajja wa Katonda Ava mu Yuda*

1 Omusajja wa Katonda n'ajja e Beseri okuva mu Yuda olw'ekigambo
kya Mukama, n'asanga Yerobowaamu ng'ayimiridde mu maaso g'ekyoto
ng'ateekateeka okwotereza obubaane.
2 N'ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka eri ekyoto olw'ekigambo
kya Mukama ng'agamba nti, "Ayi ekyoto, ekyoto! Kino Mukama
ky'agamba nti, 'Omwana erinnya lye Yosiya alizaalibwa mu nnyumba
ya Dawudi, ku ggwe kw'aliweerayo bakabona ab'ebifo ebigulumivu
ng'ebiweebwayo era n'amagumba g'abantu galyokerwa ku ggwe.' "
3 Ku lunaku olwo omusajja wa Katonda n'awa akabonero: "Kano ke
kabonero Mukama kalangirira. Ekyoto kiryatika n'evvu lyakyo liriyiyibwa
ebweru."
4 Awo kabaka Yerobowaamu bwe yawulira omusajja wa Katonda bye
yayogera, n'ayogera n'eddoboozi eddene ku kyoto e Beseri ng'awanise
omukono gwe mu maaso g'ekyoto nti, "Mumukwate!" Omukono gwe
yawanika eri omusajja wa Katonda ne gukala ne gukalambalirayo
n'okuyinza n'atayinza kuguzza.
5 N'ekyoto ne kyatikamu, n'evvu ne liyiika ng'akabonero omusajja wa
Katonda ke yawa olw'ekigambo kya Mukama.
6 Awo Kabaka n'agamba omusajja wa Katonda nti, "Negayiririra
Mukama Katonda wo, onsabire omukono gwange guwonyezebwe."
Omusajja wa Katonda n'amwegayiririra eri Mukama, omukono gwe ne
guddawo nga bwe gwali olubereberye.
7 Kabaka n'agamba omusajja wa Katonda nti, "Jjangu eka ewange
obeeko ky'olya, n'okukuwa nkuweeyo ekirabo."
8 Naye omusajja wa Katonda n'agamba kabaka nti, "Ne bw'onompa
ekitundu ky'obugagga bwo, sijja kugenda naawe, wadde okulya omugaati
oba okunywa amazzi wano.
9 Kubanga nkuutiddwa ekigambo kya Mukama nti, 'Tolya mu-
gaati newaakubadde okunywa amazzi wadde okuddira mu kkubo
ly'ojjiddemu.' "
10 Awo n'addirayo mu kkubo eddala, so si mu eryo lye yajjiramu e Beseri.
11 Awo mu biro ebyo waaliwo nnabbi omukadde eyabeeranga mu Beseri,
eyategeezebwa batabani be ebyo byonna omusajja wa Katonda bye yali
akoze ku lunaku olwo, ne bye yali agambye kabaka.
12 Kitaabwe n'ababuuza nti, "Akutte kkubo ki?" Awo batabani be ne
bamulaga ekkubo omusajja wa Katonda ow'e Yuda ly'akutte.
13 Awo n'agamba batabani be nti, "Munteekereteekere endogoyi." Bwe
baamala okumutegekera endogoyi, n'agyebagala,
14 n'akwata ekkubo omusajja wa Katonda lye yali akutte. Yamusanga
atudde wansi w'omwera, n'amubuuza nti, "Gwe musajja wa Katonda
eyavudde e Yuda?" N'addamu nti, "Nze nzuuno."
15 Awo nnabbi n'amugamba nti, "Tuddeyo eka olye ku mmere."
16 Omusajja wa Katonda n'amuddamu nti, "Siyinza kuddayo
newaakubadde okugenda naawe, wadde okulya omugaati oba okunywa
amazzi naawe mu kifo kino.

17 Ndagiddwa ekigambo kya MUKAMA nti, 'Toteekwa kulyayo ku mmere
newaakubadde okunywayo amazzi, wadde okuddirayo mu kkubo lye
wajjiddemu.' "
18 Awo nnabbi omukadde n'amuddamu nti, "Nze nange ndi nnabbi nga
ggwe. Era malayika yaŋŋambye ekigambo kya Katonda nti, 'Mukomyewo
mu nnyumba yo alye ku mmere anywe ne ku mazzi.' " Naye yali
amulimba.
19 Awo omusajja wa Katonda n'addayo naye mu nnyumba ye n'alya era
n'anywa.
20 Bwe baali batudde nga balya, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira nnabbi
omukadde eyali amukomezzaawo.
21 N'ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka eri omusajja wa Ka-
tonda eyava mu Yuda nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Ojeemedde
ekigambo kya MUKAMA era tokuumye kiragiro MUKAMA Katonda kye
yakulagidde.
22 Wakomyewo n'olya emmere era n'onywa amazzi mu kifo kye
yakugaanye okulyamu wadde okunywamu amazzi. Noolwekyo omulambo
gwo teguliziikibwa mu ntaana ya bajjajjaabo.' "
23 Omusajja wa Katonda bwe yamala okulya n'okunywa, nnabbi oli eyali
amukomezzaawo, n'ategeka endogoyi y'omusajja wa Katonda.
24 Awo bwe yali ng'ali ku lugendo lwe, empologoma n'emusangiriza
n'emutta, era n'esuula omulambo gwe ku kkubo, empologoma n'endogoyi
ne biyimirira okumpi nagwo.
25 Laba, abantu abamu abaalaba omulambo nga gusuuliddwa wansi, nga
n'empologoma eyimiridde kumpi nagwo, ne bagenda mu kibuga nnabbi
mwe yabeeranga ne bategeeza abaayo.
26 Nnabbi eyali amukomezzaawo bwe yakiwulira n'ayogera nti, "Ye
musajja wa Katonda ataagondedde kigambo kya MUKAMA. MUKAMA
amuwaddeyo eri empologoma emutaagudde n'emutta, ng'ekigambo kya
MUKAMA bwe ky'amulabudde."
27 Awo nnabbi n'agamba batabani be nti, "Muntegekere endogoyi." Ne
bagimutegekera.
28 Nagenda n'asanga omulambo gw'omusajja wa Katonda nga gusuulid-
dwa mu kkubo n'endogoyi n'empologoma nga ziyimiridde kumpi nagwo;
empologoma nga teridde mulambo so nga tetaaguddetaagudde ndogoyi.
29 Nnabbi n'asitula omulambo gw'omusajja wa Katonda n'aguteeka ku
ndogoyi, era n'aguzzaayo mu kibuga kye n'amukungubagira, omulambo
n'aguziika.
30 N'ateeka omulambo gwe mu ntaana ye ye, ne bamukungubagira nga
bakaaba nti, "Woowe, muganda wange!"
31 Awo bwe baamala okumuziika, n'agamba batabani be nti, "Bwe
nfanga, munziikanga mu ntaana omusajja wa Katonda mw'aziikiddwa;
muteekanga amagumba gange kumpi n'amagumba ge.
32 Ekigambo kya MUKAMA, omusajja wa Katonda kye yayogera
n'eddoboozi ery'omwanguka ku kyoto ekiri mu Beseri ne ku masabo
ag'ebifo ebigulumivu ebiri mu bibuga eby'e Samaliya, tekiririrema ku-
tuukirira."
33 Oluvannyuma lw'ekigambo ekyo Yerobowaamu n'atakyuka kuleka
amakubo ge amabi, naye ne yeeyongera nate okussaawo bakabona
ab'ebifo ebigulumivu ng'abaggya mu bantu abaabulijjo. Buli eyaya-
galanga okubeera kabona, n'amwawulanga okubeera mu bifo ebigulu-
mivu.

34 Kino kye kyali ekibi ky'ennyumba ya Yerobowaamu ekyagireetera
okugwa, okugimalawo n'okugizikiriza okuva ku nsi.

# 14

*Akiya Alagula Yerobowaamu*

1 Awo mu biro ebyo Abiya mutabani wa Yerobowaamu n'alwala,
2 Yerobowaamu n'agamba mukyala we nti, "Golokoka ogende e Si-
iro, nga weefuddefudde baleme kumanya nga bw'oli mukazi wa Yer-
obowaamu. Akiya nnabbi, eyanjogerako nti ndiba kabaka w'abantu bano
ali eyo.
3 Twala emigaati kkumi, ne bukeeke, n'ensumbi ey'omubisi gw'enjuki,
ogende gy'ali era ye alikubuulira omwana bw'aliba."
4 Awo muka Yerobowaamu n'akola bw'atyo, n'agenda ewa Akiya e Siiro.
Akiya yali muzibe, kubanga amaaso ge gaali gayimbadde olw'obukadde.
5 Naye Mukama yali alabudde Akiya nga muka Yerobowaamu bw'anajja
okumubuuza ebifa ku mutabani waabwe, eyali alwadde era nga bw'ajja
okumuddamu, nga bw'anaatuuka ajja kwefuula okuba omuntu omulala.
6 Awo Akiya bwe yawulira enswagiro ku mulyango, n'amugamba nti,
"Yingira muka Yerobowaamu. Lwaki weefuula okuba omuntu omulala?
Ntumiddwa gy'oli n'amawulire amabi.
7 Genda ogambe Yerobowaamu nti kino Mukama, Katonda wa Isirayiri
ky'agamba nti, 'Nakugulumiza nga nkuggya mu bantu, ne nkufuula
omukulembeze wa bantu bange Isirayiri.
8 Naggya obwakabaka mu nnyumba ya Dawudi, ne mbukuwa, naye
tobadde ng'omuddu wange Dawudi, eyagondera ebiragiro byange era
n'abigoberera n'omutima gwe gwonna, ng'akola ekyo ekyali ekirungi mu
maaso gange.
9 Oyonoonye nnyo okusinga bonna abaakusooka. Weekoledde baka-
tonda abalala, n'okola n'ebifaananyi ebisaanuuse n'onneerabira; onsun-
guwazizza nnyo.
10 " 'Kyendiva nsanyaawo ennyumba ya Yerobowaamu, era ndiggyawo
ku Yerobowaamu buli mwana owoobulenzi yenna mu Isirayiri, omuddu
n'atali muddu. Ndiyokya ennyumba ya Yerobowaamu, ng'omuntu
bw'ayokya obusa, okutuusa lwe liggweerawo ddala.
11 Abo bonna aba Yerobowaamu abalifiira mu kibuga, embwa zirirya
emirambo gyabwe, n'ennyonyi ez'omu bbanga zirirya egy'abo abalifiira
ku ttale, kubanga Mukama y'akyogedde!'
12 "Wabula ggwe, ddayo eka. Bw'onooba wakalinnya ekigere mu kibuga
kyo, omulenzi anaafa.
13 Isirayiri yonna banaamukaabira era ne bamuziika. Ye yekka
ow'ennyumba ya Yerobowaamu aliziikibwa, kubanga ye yekka mu
nnyumba ya Yerobowaamu Mukama Katonda wa Isirayiri, gw'alabyemu
akalungi.
14 "Mukama alyeyimusiza kabaka wa Isirayiri alisaanyaawo ennyumba
ya Yerobowaamu mu kiseera ekitali ky'ewala nnyo.
15 Mukama aliva ku Isirayiri, abeere ng'ekitoogo bwe kinyeenyezebwa
mu mazzi, era alisimbula Isirayiri okubaggya mu nsi eno ennungi eya baj-
jajjaabwe, n'abasaasaanyiza emitala w'Omugga,* kubanga baasunguwaza
Mukama bwe baakola bakatonda Baaseri.

* **14:15** kitegeeza Omugga Fulaati

16 Era aliva ku Isirayiri olw'ebibi bya Yerobowaamu n'ebyo
by'ayonoonesezza Isirayiri."
17 Awo muka Yerobowaamu n'agolokoka okugenda e Tiruza. Olwayin-
gira mu nnyumba yaabwe, omulenzi n'afa.
18 Ne bamuziika, era Isirayiri yonna ne bamukungubagira ng'ekigambo
kya Mukama kye yayogerera mu nnabbi Akiya bwe kyali.
19 N'ebirala byonna ebyabaawo mu mirembe gya Yerobowaamu, entalo
ze, n'okufuga kwe, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe
gya bassekabaka ba Isirayiri?
20 Yafugira emyaka amakumi abiri mu ebiri, oluvannyuma ne yeebakira
wamu ne bajjajjaabe; Nadabu mutabani we n'amusikira, n'alya obwak-
abaka.

### *Lekobowaamu Kabaka wa Yuda*

21 Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani n'alya obwakabaka bwa
Yuda, ng'alina emyaka amakumi ana mu gumu. Yafugira emyaka kkumi
na musanvu mu Yerusaalemi, ekibuga Mukama kye yeeroboza mu bika
byonna ebya Isirayiri olw'erinnya lye. Nnyina yayitibwanga Naama,
Omwamoni.
22 Yuda ne bakola ebibi mu maaso ga Mukama, okusinga ne bajjajjaabwe
bye baakola era ebibi byabwe ne bikwasa Mukama obuggya.
23 Beezimbira ebifo ebigulumivu n'empagi za Baaseri ku buli lusozi
oluwanvu ne wansi wa buli muti omugazi.
24 Era waaliwo n'abaalyanga ebisiyaga mu nsi, ne bakolanga
eby'emizizo byonna abamawanga Katonda be yagoba mu maaso
g'Abayisirayiri bye baakolanga.
25 Mu mwaka ogwokutaano ogw'obufuzi bwa kabaka Lekobowaamu,
Sisaki kabaka w'e Misiri n'alumba Yerusaalemi.
26 N'atwala eby'obugagga eby'omu yeekaalu ya Mukama, n'ebyobugagga
eby'omu lubiri lwa kabaka byonna, ng'okwo kw'otadde engabo eza zaabu
Sulemaani ze yali akoze.
27 Awo kabaka Lekobowaamu n'akola engabo ez'ebikomo okuzzaawo
ziri, era n'azikwasa abaduumizi b'abambowa abaakuumanga wankaaki
w'olubiri lwa kabaka.
28 Buli Kabaka lwe yalaganga mu yeekaalu ya Mukama, abambowa
ne bambalira engabo ezo, era Oluvannyuma ne bazizaayo mu kisenge
ky'abambowa we zaaterekebwanga.
29 Ebyafaayo ebirala byonna eby'omulembe gwa Lekobowaamu, ne bye
yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya
bassekabaka ba Yuda?
30 Waabangawo entalo ez'olubeerera wakati wa Lekobowaamu ne
Yerobowaamu.
31 Lekobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, era n'aziikibwa mu
kibuga kya Dawudi. Nnyina yayitibwanga Naama Omwamoni. Abiyaamu
mutabani we n'amusikira, n'alya obwakabaka.

## 15

### *Abiyaamu Kabaka wa Yuda*

1 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'obufuzi bwa Yer-
obowaamu mutabani wa Nebati, Abiyaamu n'atandika okufuga Yuda.
2 Yafugira mu Yerusaalemi emyaka esatu. Nnyina ye yali Maaka muwala
wa Abusaalomu.

3 N'akola ebibi byonna kitaawe bye yakolanga, omutima gwe ne
gutatuukirira mu maaso ga MUKAMA Katonda we ng'omutima gwa
jjajjaawe Dawudi bwe gwali.
4 Naye ku lwa Dawudi, MUKAMA Katonda we n'amuteerawo ettabaaza
mu Yerusaalemi era n'ayimusa ne mutabani we okumusikira, era
n'okunyweza Yerusaalemi.
5 Dawudi yakola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, n'agondera ebiragiro
bya MUKAMA ennaku zonna ez'obulamu bwe, okuggyako ensonga ya Uliya
Omukiiti.
6 Ne wabangawo entalo wakati w'ennyumba ya Lekobowaamu
n'ennyumba ya Yerobowaamu ennaku zonna ez'obulamu bwa Abiyaamu.
7 N'ebyafaayo ebirala byonna eby'okufuga kwa Abiyaamu, ne bye
yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassek-
abaka ba Yuda? Ne wabangawo entalo wakati wa Abiyaamu ne
Yerobowaamu.
8 Awo Abiyaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe era n'aziikibwa mu
kibuga kya Dawudi. Asa mutabani we n'amusikira, n'alya obwakabaka.

### *Asa Kabaka wa Yuda*

9 Awo mu mwaka ogw'amakumi abiri ogw'obufuzi bwa Yerobowaamu
kabaka wa Isirayiri, Asa n'alya obwakabaka bwa Yuda.
10 Yafugira mu Yerusaalemi emyaka amakumi ana mu gumu. Jjajjaawe
omukazi nga ye Maaka muwala wa Abusaalomu.
11 Asa n'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, nga jjajjaawe Dawudi
bwe yakola.
12 N'agoba mu nsi abaalyanga ebisiyaga, era n'aggyawo n'ebifaananyi
ebyakolebwa n'emikono byonna bajjajjaabe bye baakola.
13 Era n'agoba ne jjajjaawe Maaka ku bwa namasole kubanga yali akoze
empagi ya Asera. Asa n'agitema era n'agyokera ku kagga Kidulooni.
14 Newaakubadde nga teyaggyawo bifo bigulumivu, omutima gwe gwali
ku MUKAMA ennaku ze zonna.
15 N'ayingiza mu yeekaalu ya MUKAMA effeeza, ne zaabu n'ebintu ebirala
kitaawe bye yawaayo ne Asa yennyini bye yawaayo.
16 Ne wabangawo entalo wakati wa Asa ne Baasa kabaka wa Isirayiri
ennaku zonna ez'okufuga kwabwe.
17 Baasa kabaka wa Isirayiri n'alumba Yuda n'azingiza Laama obuta-
ganya muntu n'omu okufuluma wadde okuyingira mu kitundu kya Asa
kabaka wa Yuda.
18 Awo Asa n'addira effeeza ne zaabu yonna eyali esigadde mu ggwanika
lya yeekaalu ya MUKAMA n'ey'olubiri lwe, n'abikwasa abakungu be,
n'abiweereza Benikadadi mutabani wa Tabulimmoni, muzzukulu wa
Keziyoni, eyali kabaka wa Busuuli ng'afugira e Ddamasiko.
19 N'ayogera nti, "Wabeewo endagaano wakati wo nange, ng'eyaliwo
wakati wa kitaawo ne kitange. Laba nkuweereza ekirabo ekya ffeeza ne
zaabu, omenyewo kaakano endagaano yo ne Baasa kabaka wa Isirayiri,
anveeko."
20 Benikadadi n'akkiriziganya ne kabaka Asa era n'aweereza abadu-
umizi b'eggye lye okulumba ebibuga bya Isirayiri. N'akuba Iyoni, ne
Ddaani, ne Aberubesumaaka ne Kinnerosi yonna ng'okwo kw'otadde
Nafutaali.
21 Awo Baasa bwe yakiwulira n'alekeraawo okuzimba Laama,
n'addukira e Tiruza.

22 Kabaka Asa n'awa ekiragiro mu Yuda yonna nga kikwata ku buli muntu. Ne batwala amayinja ag'e Laama n'embaawo Baasa bye yazimbisanga, kabaka Asa n'abizimbisa Geba ekya Benyamini, ne Mizupa.

23 Ebyafaayo ebirala byonna eby'omu mirembe gya Asa, n'obuwanguzi bwe era n'ebibuga bye yazimba, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda? Kyokka mu bukadde bwe, n'alwala ebigere.

24 Awo Asa ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu kibuga kya jjajjaawe Dawudi. Yekosafaati, mutabani we n'amusikira, n'alya obwakabaka.

### *Nadabu Kabaka wa Isirayiri*

25 Nadabu mutabani wa Yerobowaamu n'alya obwakabaka bwa Isirayiri mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda. Yafugira Isirayiri emyaka ebiri.

26 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ng'atambulira mu ngeri za kitaawe ne mu kibi kye, ebyaleetera Isirayiri okwonoona.

27 Awo Baasa mutabani wa Akiya ow'omu nnyumba ya Isakaali n'amukolera olukwe, n'amuttira e Gibbesoni ekibuga ky'Abafirisuuti, Nadabu ne Isirayiri yenna bwe baali bakitaayizza.

28 Baasa n'atta Nadabu mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda, ye n'alya obwakabaka bwa Isirayiri.

29 Amangwago nga kyajje alye obwakabaka, n'atta ennyumba ya Yerobowaamu yonna n'atalekaawo muntu n'omu omulamu. Yabazikiriza bonna ng'ekigambo kya MUKAMA kye yayogerera mu muddu we Akiya Omusiiro,

30 olw'ebibi bya Yerobowaamu bye yakola, era bye yayonoonyesa Isirayiri, n'okusunguwaza ne bisunguwaza MUKAMA Katonda wa Isirayiri.

31 Ebyafaayo ebirala eby'omu mirembe gya Nadabu, ne bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?

32 Ne wabangawo entalo wakati wa Asa ne Baasa kabaka wa Isirayiri, ennaku zonna ez'okufuga kwabwe.

### *Baasa Kabaka wa Isirayiri*

33 Awo mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda, Baasa mutabani wa Akiya n'afuuka kabaka wa Isirayiri yonna e Tiruza, era n'afugira emyaka amakumi abiri mu ena.

34 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ng'atambulira mu ngeri za Yerobowaamu, ne mu kibi kye, kye yayonoonyesa Isirayiri.

## 16

1 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeeku mutabani wa Kanani nga kyogera ku Baasa nti,

2 "Nakugulumiza nga nkuggya mu nfuufu ne nkufuula mukulembeze w'abantu bange Isirayiri, naye watambulira mu ngeri za Yerobowaamu era n'oyonoonyesa abantu bange Isirayiri, ne bansunguwaza n'ebibi byabwe.

3 Laba, ndisaanyizaawo ddala Baasa n'ennyumba ye, era ndifuula ennyumba ye okuba ng'eya Yerobowaamu mutabani wa Nebati.

4 Omuntu yenna owa Baasa bw'alifiira mu kibuga, omulambo gwe guliriibwa embwa, n'abo abalifiira ku ttale, ennyonyi ez'omu bbanga zirirya emirambo gyabwe."

5 Ebyafaayo ebirala eby'omu mirembe gya Baasa, bye yakola, awamu n'ebintu ebirungi bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?

6 Awo Baasa ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa e Tiruza, mutabani we Era n'amusikira, n'alya obwakabaka.

7 Ekigambo kya MUKAMA ne kituukirira, ekyajjira Yeeku mutabani wa Kanani ekikwata ku Baasa n'ennyumba ye olw'ebibi bye yakola mu maaso ga MUKAMA, ng'amusunguwaza olw'ebyo bye yakola, n'olw'okwonoona ng'afaanana ennyumba ya Yerobowaamu, ate era n'olw'okuba nga yagisaanyaawo.

### *Era Kabaka wa Isirayiri*

8 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu omukaaga ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda, Era mutabani wa Baasa n'afuuka kabaka wa Isirayiri; n'afugira mu Tiruza emyaka ebiri.

9 Awo Zimuli, omu ku bakungu be, eyakuliranga ekitundu ky'amagaali ge, n'amukolera olukwe. Mu kiseera ekyo Era yali Tiruza, ng'atamiirira mu maka ga Aluza, omusajja eyavunaanyizibwanga olubiri lw'e Tiruza.

10 Mu kiseera ekyo, Zimuli n'ayingira n'amukuba n'amutta, n'oluvannyuma n'alya obwakabaka. Gwali mwaka ogw'amakumi abiri mu omusanvu ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda.

11 Awo olwatuuka nga kyajje atuule ku ntebe ey'obwakabaka n'atta abantu b'ennyumba ya Baasa bonna, obutalekaawo musajja n'omu wa luganda lwa Baasa wadde mikwano gye.

12 Bw'atyo Zimuli n'asaanyaawo ennyumba ya Baasa yonna, ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali kye yayogera ku Baasa ng'ayita mu nnabbi Yeeku,

13 olw'ebibi bya Baasa ne mutabani we Era bye baakola n'okwonoonyesa Isirayiri, nga basunguwaza MUKAMA Katonda wa Isirayiri olwa bakatonda beebeekolera abatagasa.

14 Eby'afaayo ebirala eby'omu mirembe gya Era, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo ky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?

### *Zimuli Kabaka wa Isirayiri*

15 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu omusanvu ogw'obufuzi bwa Asa kabaka wa Yuda, Zimuli n'afugira e Tiruza ennaku musanvu. Eggye lyali lisiisidde okumpi ne Gibbesoni ekibuga ky'Abafirisuuti.

16 Ku lunaku olwo Abayisirayiri abaali mu nkambi bwe baawulira nti Zimuli yasala olukwe, n'atta kabaka, Isirayiri yonna ne balangirira Omuli omuduumizi w'eggye okuba kabaka wa Isirayiri.

17 Omuli n'Abayisirayiri bonna abaali awamu naye ne bava e Gibbesoni ne bambuka okuzingiza Tiruza.

18 Zimuli bwe yalaba ng'ekibuga kiwambiddwa, n'addukira mu lubiri olw'omunda, olubiri lwonna n'alukumako omuliro. N'afiira omwo.

19 Ekyo kyamutuukako olw'ebibi bye yakola mu maaso ga MUKAMA, n'okutambulira mu ngeri za Yerobowaamu, ne mu kibi kye yakola, ne bye yayonoonyesa Isirayiri.

20 Eby'afaayo ebirala eby'omu mirembe gya Zimuli, n'obujeemu bwe,
tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba
Isirayiri?

### *Omuli Kabaka wa Isirayiri*

21 Abantu ba Isirayiri ne baawukanamu ebibiina bibiri, ekitundu ekimu
nga kiwagira Tibuni mutabani wa Ginasi okuba kabaka, nga n'ekitundu
ekirala kiwagira Omuli.
22 Naye abagoberezi ba Omuli ne basinza aba Tibuni mutabani wa Ginasi
amaanyi; Tibuni n'afa, Omuli n'afuuka kabaka.
23 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu ogumu ogw'obufuzi bwa Asa
kabaka wa Yuda, Omuli n'alya obwakabaka obwa Isirayiri era n'afugira
emyaka kkumi n'ebiri, mukaaga ku gyo ng'ali mu Tiruza.
24 Yagula olusozi lw'e Samaliya ku Semeri, ekilo nsanvu eza ffeeza,
n'aluzimbako ekibuga, n'akituuma Samaliya, okukibbulamu Semeri eyali
nannyini lusozi.
25 Naye Omuli n'akola ebyali ebibi mu maaso ga MUKAMA, era
n'ayonoona nnyo okusinga n'abo abaamusooka.
26 N'atambulira mu ngeri zonna eza Yerobowaamu mutabani wa Nebati,
ne mu kibi kye, kye yayonoonyesa Isirayiri era n'asunguwaza MUKAMA
Katonda wa Isirayiri olwa bakatonda beebeekolera abatagasa.
27 Ebyafaayo ebirala eby'omu mirembe gya Omuli, ne bye yakola,
n'ebyobuzira bye, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya
bassekabaka ba Isirayiri?
28 Omuli ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu Samaliya;
Akabu n'amusikira, n'alya obwakabaka.

### *Akabu alya Obwakabaka bwa Isirayiri*

29 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu omunaana ogw'obufuzi bwa Asa
Kabaka wa Yuda, Akabu mutabani wa Omuli n'alya obwakabaka bwa
Isirayiri, n'afugira Isirayiri mu Samaliya emyaka amakumi abiri mu ebiri.
30 Akabu mutabani wa Omuli n'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA
okusinga bonna abaamusooka.
31 Teyakoma ku kukola bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati,
naye era n'awasa ne Yezeberi muwala wa Esubaali kabaka w'Abasidoni,
era n'atandika okuweereza n'okusinza Baali.
32 Yazimbira Baali ekyoto mu ssabo lya Baali lye yazimba mu Samaliya.
33 Akabu n'akola n'empagi ya Baaseri, ne yeeyongera nnyo okusun-
guwaza MUKAMA Katonda wa Isirayiri, okusinga bakabaka abalala bonna
aba Isirayiri abaamusooka.
34 Ku mirembe gya Akabu, Kyeri Omubeseri n'addaabiriza era n'azimba
Yeriko. Era olw'ekigambo kya MUKAMA kye yayogerera mu Yoswa
mutabani wa Nuuni, Kyeri bwe yassaawo emisingi gyakyo, n'afiirwa
Abiraamu mutabani we omukulu; bwe yazimba wankaaki waakyo, Segubi
mutabani we asembayo obuto naye n'afa.

## 17

### *Bannamuŋŋoona Baliisa Eriya*

1 Awo Eriya Omutisubi ow'e Tisubi mu Gireyaadi, n'agamba Akabu
nti, "MUKAMA Katonda wa Isirayiri gwe mpeereza nga bw'ali omu-
lamu, tewaabe musulo newaakubadde enkuba mu myaka egijja wabula
olw'ekigambo kyange."

2 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Eriya nga kigamba nti,
3 “Vva wano ogende ebuvanjuba weekweke ku kagga Kerisi akoolekera Yoludaani.
4 Ojja kunywanga mu kagga, era ndagidde bannamuŋŋoona okukuliisiza eyo.”
5 N’akola nga MUKAMA bwe yamulagira, n’alaga ku kagga Kerisi, akoolekera Yoludaani, n’abeera eyo.
6 Bannamuŋŋoona ne bamuleeteranga emmere n’ennyama buli nkya na buli kawungeezi, era n’anywanga mu kagga.

*Nnamwandu ow’e Zalefaasi*

7 Bwe waayitawo ebbanga, akagga ne kakalira olw’obutabaawo nkuba mu nsi.
8 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira nga kigamba nti,
9 “Situkiramu ogende e Zalefaasi ekya Sidoni obeere eyo. Ndagidde nnamwandu ali eyo okukuwanga emmere.”
10 Awo n’agolokoka n’alaga e Zalefaasi. Bwe yatuuka ku wankaaki w’ekibuga, waliwo nnamwandu eyali alondalonda obuku. Eriya n’amusaba ng’agamba nti, “Nkwegayiridde, ndeetera ku mazzi matono mu kibya nnyweko.”
11 Bwe yali ng’agenda okugakima, Eriya n’amukoowoola ng’agamba nti, “Nkwegayiridde, ndeeteraayo n’omugaati.”
12 N’addamu nti, “MUKAMA nga bw’ali omulamu, sirina mugaati okuggyako olubatu lw’obutta mu kibya n’otufuta mu kasumbi, era kaakano nkuŋŋaanya buku mbutwale eka neefumbire nze n’omwana wange tubulye tufe.”
13 Eriya n’amugamba nti, “Totya. Genda eka okole nga bw’ogambye. Naye sooka onfumbire akagaati, okuva mu by’olina okandeteere, oluvannyuma weefumbire ggwe n’omwana wo.
14 Kubanga kino MUKAMA Katonda wa Isirayiri ky’agamba nti, ‘Ekibya ky’obutta tekiriggwaamu, so n’akasumbi k’amafuta tekalikalira okutuusa olunaku MUKAMA lw’alitonyesa enkuba ku nsi.’ ”
15 N’agenda n’akola nga Eriya bwe yamugamba, era ne waba emmere bulijjo eya Eriya ne nnamwandu n’amaka ge.
16 Ekibya ky’obutta tekyakendeera wadde akasumbi k’amafuta okukalira, ng’ekigambo kya MUKAMA kye yayogerera mu Eriya bwe kyali.
17 Bwe waayitawo ebbanga, omwana wa nnamwandu n’alwala nnyo, obulwadde ne bweyongera okutuusa lwe yafa.
18 Nnamwandu n’agamba Eriya nti, “Kiki ky’onnanga, omusajja wa Katonda? Wajja okunzijukiza ekibi kyange n’okutta omwana wange?”
19 Eriya n’amuddamu nti, “Mpa omwana wo.” N’amuggya mu kifuba kye, n’amusitula n’amutwala mu kisenge ekya waggulu* gye yabeeranga, n’amugalamiza ku kitanda kye.
20 N’akoowoola MUKAMA ng’agamba nti, “Ayi MUKAMA Katonda wange, ne nnamwandu ono gwe mbeera naye omuleeseko ekikangabwa kino, n’otta omwana we?”
21 Eriya ne yeegololera ku mulenzi emirundi esatu, n’akaabira MUKAMA ng’agamba nti, “Ayi MUKAMA Katonda wange, obulamu bw’omulenzi ono bukomewo nate!”

* **17:19** Ekisenge ekya waggulu kyabeeranga kya bagenyi, na kya kuterekangamu mmere.

22 MUKAMA n'awulira okukaaba kwa Eriya, obulamu bw'omulenzi ne bumuddamu, era n'alama.
23 Awo Eriya n'asitula omwana n'amuserengesa okuva mu kisenge n'amuleeta mu nnyumba, n'amuwa nnyina, n'amugamba nti, "Laba mutabani wo mulamu!"
24 Awo nnamwandu n'agamba Eriya nti, "Kaakano ntegedde ng'oli musajja wa Katonda, era n'ekigambo kya MUKAMA ekiva mu kamwa ko kiba kya mazima."

# 18

*Eriya ne Obadiya Basisinkana*

1 Awo nga wayiseewo ebbanga lya myaka essatu kasookedde enkuba
ebula, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Eriya nti, "Genda weerage eri Akabu, omutegeeze nti nditonnyesa enkuba ku nsi."
2 Awo Eriya n'agenda okweyanjula eri Akabu.
3 Mu biro ebyo enjala ng'ennyinnyitidde nnyo mu Samaliya, Akabu n'ayita Obadiya omukulu w'olubiri eyali assaamu ennyo MUKAMA ekitiibwa.
4 Olwali olwo nga Yezeberi atandika okutta bannabbi bonna aba MUKAMA, Obadiya n'addira bannabbi kikumi n'abakweka mu mpuku bbiri buli emu ng'erimu amakumi ataano ataano, n'abaweeranga omwo emmere n'amazzi.
5 Akabu n'amugamba nti, "Tuuka buli wantu awali enzizi ez'amazzi n'awali obugga bwonna, oboolyawo tunaafuna omuddo ne tuwonya embalaasi zaffe n'ennyumbu okufa, tuleme okufiirwa ensolo zonna."
6 Ne beeyawulamu bombi okubuna ensi, Akabu n'akwata ekkubo lye ne Obadiya n'akwata erirye.
7 Awo Obadiya bwe yali ng'ali ku lugendo lwe, Eriya n'amusisinkana.
Obadiya bwe yamutegeera n'avuunama wansi n'agamba nti, "Ddala ggwe wuuyo, mukama wange Eriya?"
8 N'addamu nti, "Ye nze. Genda ogambe mukama wo nti, 'Eriya ali wano.' "
9 Obadiya n'amugamba nti, "Kiki kye nkusobezza, okutuma omuddu wo eri Akabu ajja okunzita?
10 MUKAMA Katonda wo nga bw'ali omulamu, tewali ggwanga oba bwakabaka mukama wange gy'atatumye mubaka kukunoonya. Era buli ggwanga, oba bwakabaka obwagambanga nti toliiyo, yabalayizanga okukakasa nti tobangayo.
11 Kaakano oŋŋamba ŋŋende ewa mukama wange njogere nti, 'Eriya ali wano.'
12 Simanyi Mwoyo wa MUKAMA gy'anaakutwala nga kyenzije nveewo.
Bwe nnaagenda ne ntegeeza Akabu n'atakusangawo, ajja kunzita, ate nga nze omuddu wo okuva mu buto bwange, nsinza MUKAMA.
13 Mukama wange totegeezebwanga, kye nakola nga Yezeberi atta bannabbi ba MUKAMA? Nakweka kikumi ku bannabbi ba MUKAMA mu mpuku bbiri, ataano ataano mu buli mpuku, era ne mbawa emigaati okulya n'amazzi okunywa.
14 Kaakano, oŋŋamba ŋŋende ewa mukama wange mugambe nti, 'Eriya ali wano.' Ajja kunzita!"
15 Eriya n'amugamba, "Nga MUKAMA ow'Eggye bw'ali omulamu, gwe mpeereza, siireme kweraga eri Akabu leero."

*Eriya ku Lusozi Kalumeeri*

16 Awo Obadiya n'agenda okusisinkana Akabu, n'amutegeeza; Akabu
n'ajja okusisinkana Eriya.

17 Akabu bwe yalaba Eriya, n'amubuuza nti, "Ggwe wuuyo, gwe
ateganya Isirayiri?"

18 Eriya n'addamu nti, "Sinnateganya Isirayiri, naye ggwe n'ennyumba
ya kitaawo, muvudde ku biragiro bya MUKAMA ne mugoberera ba Baali.

19 Kaakano kuŋŋaanya abantu bonna okuva mu Isirayiri yonna bajje
ku lusozi Kalumeeri era oleete ne bannabbi ba Baali ebikumi ebina mu
ataano wamu ne bannabbi ba Baaseri ebikumi ebina, abaliira ku mmeeza
ya Yezeberi."

20 Awo Akabu n'atumira abantu ba Isirayiri bonna, era n'akuŋŋaanya
ne bannabbi bonna ku lusozi Kalumeeri.

21 Awo Eriya n'ayimirira mu maaso g'abantu n'ayogera nti, "Mulituusa
wa okutta aganaaga? Obanga MUKAMA ye Katonda mumugoberere, naye
obanga Baali ye Katonda mugoberere oyo."

Naye abantu ne batamuddamu kigambo na kimu.

22 Eriya n'abagamba nti, "Nze nsigaddewo nzekka ku bannabbi ba
MUKAMA, naye Baali alina bannabbi ebikumi bina mu ataano.

23 Kale mutuwe ente ennume bbiri, bo beerobozeeko emu, bagite-
meeteme, bagiteeke ku nku, naye tebagikumamu. Nange naalongoosa
eyookubiri, ne ngiteeka ku nku naye sijja kuzikumamu muliro.

24 Kale oluvannyuma mukoowoole erinnya lya katonda wammwe, nange
nnaakowoola erinnya lya MUKAMA; anaddamu n'omuliro nga ye Katonda."

Abantu bonna ne baddamu nti, "Ky'oyogedde kirungi."

25 Eriya n'agamba bannabbi ba Baali* nti, "Mmwe musooke okweroboza
ente emu ennume nga bwe muli abangi, mugiteeketeeke. Mukoowoole
erinnya lya katonda wammwe, naye temukoleeza muliro."

26 Ne batwala ente ebaweereddwa ne bagiteekateeka.

Oluvannyuma ne bakoowoola erinnya lya Baali okuva ku makya
okutuusa mu ttuntu. Ne baleekaanira waggulu nti, "Ayi Baali, otuwulire!"
Naye ne wataba kuddibwamu, newaakubadde eddoboozi lyonna. Ne
bazina nga beetooloola ekyoto kye baali bakoze.

27 Mu ssaawa ez'omu ttuntu Eriya n'atandika okubaduulira, ng'ayogera
nti, "Muleekaane nnyo! Katonda ddala! Osanga ali mu birowoozo bingi,
oba aliko ebimutawaanya, oba ali ku lugendo. Ayinza okuba nga yeebase,
nga yeetaaga kumuzuukusa."

28 Ne baleekaana nnyo nga bwe beesala n'obwambe ne beefumita
n'amafumu ng'empisa yaabwe bwe yali, okutuusa omusaayi lwe gwabaku-
lukuta.

29 Obudde bwali buyise nnyo, naye ne beeyongera okulagula kwabwe
okutuusa ekiseera eky'ekiweebwayo eky'akawungeezi. Ne wataba kud-
dibwamu, newaakubadde eddoboozi lyonna, wadde assaayo omwoyo.

30 Awo Eriya n'alyoka agamba abantu bonna nti, "Musembere kumpi
nange." Bonna ne bamusemberera, n'addaabiriza ekyoto kya MUKAMA
ekyali kisuuliddwa.

31 N'addira amayinja kkumi n'abiri, buli limu n'aliteeka ku linnaalyo
ng'ebika bya Yakobo bwe byali, MUKAMA gwe yayogerako nti, "Erinnya
lye linaabanga Isirayiri."

* **18:25** Baali yali lubaale wa kubwatuka, eyasinzibwanga mu bantu ba Asuuli ne Kanani.

32 N’azimba ekyoto mu linnya lya MUKAMA n’amayinja ago, n’asima olusalosalo okwetooloola ekyoto, ng’alugyamu lita kkumi na ttaano ez’amazzi.

33 N’atindikira enku, n’atemaatema ente, n’agiteekako. N’alyoka abagamba nti, “Mujjuze ebibya bina amazzi, mugafuke ku kiweebwayo ne ku nku.”

34 N’abagamba baddemu bakole bwe batyo omulundi ogwokubiri, ne bakiddamu, ate era n’abagamba okuddamu omulundi ogwokusatu ne baddamu ogwokusatu nga bwe yalagira.

35 Amazzi ne gakulukuta okwetooloola ekyoto, n’okujjula ne gajjula olusalosalo.

36 Mu kiseera eky’ekiweebwayo eky’akawungeezi, nnabbi Eriya n’asembera mu maaso n’asaba nti, “Ayi MUKAMA, Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka ne Isirayiri, olwa leero kimanyibwe nti ggwe Katonda mu Isirayiri, era nti nze muddu wo, era nkoze ebintu bino byonna olw’ekigambo kyo.

37 Onziremu, Ayi MUKAMA, onziremu, abantu bano bamanye, Ayi MUKAMA nti ggwe Katonda, era nti ggwe okyusa emitima gyabwe okudda gy’oli.”

38 Omuliro gwa MUKAMA ne gulyoka gugwa ne gwokya ekiweebwayo, n’enku, n’amayinja, n’ettaka, ne gumalirawo ddala n’amazzi mu lusalosalo.

39 Awo abantu bonna bwe baakiraba, ne bavuunama ne bakaaba nnyo nga bagamba nti, “MUKAMA, ye Katonda! MUKAMA, ye Katonda!”

40 Eriya n’alyoka abalagira nti, “Mukwate bannabbi ba Baali, waleme okuba n’omu abaddukako.” Ne babakwata, Eriya n’abaserengesa ku kagga Kisoni, n’abattira eyo.

### *Ekyeya Kikoma*

41 Eriya n’agamba Akabu nti, “Genda olye, n’okunywa onywe; kubanga waliwo okubwatuka kw’enkuba ey’amaanyi.”

42 Awo Akabu n’agenda okulya n’okunywa, naye Eriya n’alinnya ku ntikko y’olusozi Kalumeeri, n’akutama, n’ateeka omutwe gwe wakati w’amaviivi ge.

43 N’agamba omuweereza we nti, “Yambuka, olengere okwolekera ennyanja.”

Omuweereza n’agenda n’alaba n’akomawo n’amugamba nti, “Teri kye ndabyewo.”

Eriya n’amugamba addeyo emirundi musanvu.

44 Ku mulundi ogw’omusanvu omuweereza n’akomawo n’agamba nti, “Laba, ekire ekitono ekyenkana ng’omukono gw’omuntu kyambuka okuva mu nnyanja.”

Eriya n’amugamba nti, “Genda ogambe Akabu nti, ‘Teekateeka eggaali lyo, oserengete, enkuba nga tennakuziyiza.’ ”

45 Mu kiseera kyekimu, eggulu ne libindabinda, kibuyaga ne yeeyongera, enkuba ey’amaanyi n’ejja, Akabu n’ayolekera e Yezuleeri.

46 Amaanyi ga MUKAMA ne gakka ku Eriya ne yeesiba ekimyu, n’adduka ng’akulembedde Akabu okutuuka e Yezuleeri.

# 19

### *Eriya Addukira e Kolebu*

1 Awo Akabu n’abuulira Yezeberi byonna Eriya bye yakola, ne bwe yatta bannabbi bonna n’ekitala.

2 Yezeberi n'atumira Eriya omubaka okumugamba nti, "Bakatonda bankole bwe batyo n'okukirawo, bwe siifuule obulamu bwo okuba ng'obulamu bw'omu ku bo, essaawa nga zino enkya."

3 Eriya n'atya nnyo, n'adduka okuwonya obulamu bwe. Bwe yatuuka e Beeruseba mu Yuda, n'aleka eyo omuweereza we.

4 Naye ye n'atambula olugendo lwa lunaku lumu mu ddungu, n'atuuka awali omwoloola, n'atuula wansi waagwo, n'asaba afe. N'ayogera nti, "Kino kimala, MUKAMA, kaakano twala obulamu bwange, kubanga sisinga bajjajjange."

5 N'agalamira wansi w'omwoloola ne yeebaka.

Amangwago malayika n'amukomako, n'amugamba nti, "Golokoka olye."

6 N'agolokoka, laba ng'emitwetwe we waliwo akasumbi k'amazzi n'omugaati omwokye. N'alya n'anywa, n'addamu n'agalamira.

7 Malayika wa MUKAMA n'akomawo omulundi ogwokubiri n'amukomako n'amugamba nti, "Golokoka olye, kubanga olugendo lunene."

8 Awo n'agolokoka n'alya, n'anywa, n'afuna amaanyi, era n'atambula olugendo lwa nnaku amakumi ana emisana n'ekiro, okutuuka e Kolebu, olusozi lwa Katonda.

### *MUKAMA Alabikira Eriya*

9 Bwe yatuuka eyo, n'ayingira mu mpuku, n'asula omwo. Awo ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira nga kigamba nti, "Okola ki wano, Eriya?"

10 N'addamu nti, "Nyiikidde nnyo okuweereza MUKAMA Katonda ow'Eggye ne nkwatibwa n'obuggya ku lulwe. Abayisirayiri balese endagaano yo, bamenye ebyoto byo, era ne batta ne bannabbi bo n'ekitala. Nze nsigaddewo nzekka, ne kaakano bannoonya okunzita."

11 MUKAMA n'amugamba nti, "Ffuluma, oyimirire ku lusozi mu maaso ga MUKAMA, kubanga MUKAMA ali kumpi kuyitawo."

Kale laba, embuyaga nnyingi ey'amaanyi n'emenya ensozi n'eyasa n'enjazi mu maaso ga Eriya, naye MUKAMA nga taliimu. Oluvannyuma lw'embuyaga, musisi ow'amaanyi n'ayita naye era MUKAMA nga taliimu.

12 Oluvannyuma lwa musisi ne wajja omuliro, naye era MUKAMA teyaliimu mu muliro. Oluvannyuma lw'omuliro, ne wajja eddoboozi ttono nga lya ggonjebwa.

13 Eriya bwe yaliwulira, n'abikka* amaaso ge n'omunagiro gwe n'afuluma n'ayimirira ku mulyango gw'empuku.

Awo MUKAMA n'amugamba nti, "Okola ki wano Eriya?"

14 N'addamu nti, "Nyiikidde nnyo okuweereza MUKAMA Katonda ow'Eggye, naye Abayisirayiri balese endagaano yo, bamenyeemenye ebyoto byo, era ne batta ne bannabbi bo n'ekitala. Nze nsigaddewo nzeka, ne kaakano bannoonya okunzita."

15 MUKAMA n'amugamba nti, "Ddirayo mu kkubo lye wajjiddemu ogende mu ddungu lya Ddamasiko. Bw'onootuuka eyo ofuke amafuta ku Kazayeeri okuba kabaka w'e Busuuli,

16 ne ku Yeeku mutabani wa Nimusi okuba kabaka wa Isirayiri, ate era ofuke n'amafuta ku Erisa mutabani wa Safati ow'e Aberumekola okudda mu kifo kyo.

---

* **19:13** Eriya yabikka amaaso ge kubanga tewaali muntu eyatunuuliranga Katonda n'aba mulamu.

17 Era Yeeku anatta oyo yenna anadduka okuwona ekitala kya Kazayeeri,
ate Erisa ye n'atta oyo yenna anadduka okuwona ekitala kya Yeeku.
18 Wabula nesigaliza akasanvu mu Isirayiri, abatavuunamiranga Baali
wadde okumunywegera."

*Okuyitibwa kwa Erisa*

19 Awo Eriya n'ava eyo n'asisinkana Erisa mutabani wa Safati ng'alima
n'emigogo gy'ente kkumi n'ebiri, ye ng'alimisa ogw'ekkumi n'ebiri. Eriya
n'agenda gy'ali n'amusuulako omunagiro gwe.
20 Erisa n'aleka ente ze, n'adduka ng'agoberera Eriya. N'amugamba nti,
"Ka nsibule kitange ne mmange, ndyoke ŋŋende naawe."
Eriya n'amugamba nti, "Ddayo, nkukoze ki?"
21 Awo Erisa n'amulekako akabanga, n'addayo, n'agenda n'asala omu-
gogo gw'ente, ennyama n'agifumbisa ebiti by'enkumbi, n'agabira abantu
ne balya. Awo n'agolokoka n'agoberera Eriya era n'amuweerezanga.

# 20

*Benikadadi Alumba Samaliya*

1 Awo Benikadadi kabaka w'e Busuuli n'akuŋŋaanya eggye lye lyonna
wamu ne bakabaka amakumi asatu mu babiri n'embalaasi n'amagaali
gaabwe, bonna ne bambuka okuzingiza Samaliya n'okulwana nakyo.
2 N'atuma ababaka mu kibuga eri Akabu kabaka wa Isirayiri ng'agamba
nti, "Bw'ati bw'ayogera Benikadadi nti,
3 'Effeeza yo ne zaabu yo byange ate era ne bakyala bo abasinga obulungi
n'abaana bo nabo bange.' "
4 Kabaka wa Isirayiri n'addamu nti, "Nga bw'ogambye, mukama wange
kabaka, nze ne bye nnina byonna bibyo."
5 Ababaka ne baddayo ewa Akabu nate ne bamugamba nti, "Kino
Benikadadi ky'agamba nti, 'Natuma nga njagala ffeeza yo ne zaabu yo,
n'abakyala bo n'abaana bo.
6 Naye olunaku lw'enkya essaawa nga zino nzija kuweereza abakungu
bange banoonyeemu mu lubiri lwo ne mu nnyumba z'abakungu bo, era
bajja kutwala ebibyo byonna eby'omuwendo.' "
7 Awo kabaka wa Isirayiri n'ayita abakadde bonna ab'ensi, n'abagamba
nti, "Mulabe omusajja ono bw'anoonya emitawaana! Bwe yatumya
bakyala bange n'abaana bange wamu ne ffeeza yange ne zaabu yange,
sabimumma."
8 Abakadde n'abantu bonna ne bamuddamu nti, "Tomuwuliriza wadde
okukkiriziganya naye."
9 Awo kabaka n'addamu ababaka ba Benikadadi nti, "Mutegeeze
mukama wange kabaka nti, 'Omuddu wo nzija kukola byonna bye
walagidde ku ntandikwa, naye kino eky'oluvannyuma siyinza kukikola.' "
10 Awo Benikadadi n'aweereza obubaka obulala eri Akabu nti, "Baka-
tonda bankole bwe batyo n'okukirawo, enfuufu ya Samaliya bwe teebune
mu bibatu by'abasajja bonna abangoberera."
11 Kabaka wa Isirayiri n'amuddamu nti, "Mumugambe nti, 'Eyeesiba
ebyokulwanyisa aleme okwenyumiriza ng'oyo abyesumulula.' "
12 Benikadadi bwe yawulira obubaka obwo, ng'ali mu kutamiira ne
bakabaka abalala mu weema zaabwe, n'alagira abasajja be nti, "Mwe-
teeketeeke okulumba." Ne beeteekateeka okulumba ekibuga.

*Akabu Awangula Benikadadi*

13 Mu kiseera ekyo ne wabaawo nnabbi eyajja eri Akabu kabaka wa
Isirayiri n'alangirira nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Olaba eggye
lino eddene? Nzija kulikuwa mu mukono gwo leero, otegeere nga nze
MUKAMA.' "
14 Akabu n'abuuza nti, "Anakikola atya?" Nnabbi n'addamu nti, "Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA nti, 'Abavubuka bo ab'abaduumizi b'amasaza, bajja
kukubeera.' "

Akabu ne yeeyongera okubuuza nti, "Ani anasooka okulumba?"

Nnabbi n'addamu nti, "Ggwe."

15 Awo Akabu n'ayita abavubuka ab'abaduumizi b'amasaza, ne bawera
ebikumi bibiri mu asatu mu babiri (232). Era n'akuŋŋaanya ne Isirayiri
yenna, bonna awamu ne baba kasanvu (7,000).
16 Ne batabaala mu ttuntu nga Benikadadi ne bakabaka amakumi asatu
mu ababiri be yali alagaanye nabo bali mu kutamiira.
17 Abavubuka b'abaduumizi b'amasaza be baasooka okulumba.

Naye Benikadadi yali atumye ababaka okuketta, ne bamutegeeza nti,
"Waliwo abasajja abajja nga bava Samaliya."

18 N'ayogera nti, "Bwe baba bazze na mirembe, mubawambe, ne bwe
baba nga baze ku lutalo, era mubawambe."
19 Abavubuka b'abaduumizi b'amasaza ne bafuluma ne balumba okuva
mu kibuga, nga n'eggye libagoberera.
20 Buli omu ku bo n'atta gwe yayolekera. Abasuuli ne badduka,
nga n'Abayisirayiri bwe babagoba, naye Benikadadi kabaka w'e Busuuli
n'awonera ku mbalaasi n'abamu ku basajjabe abeebagala embalaasi.
21 Awo kabaka wa Isirayiri n'abagobera ddala era n'awamba embalaasi
n'amagaali, era Abasuuli bangi ne bafa.
22 Awo ebyo nga biwedde, nnabbi n'agenda eri kabaka wa Isirayiri
n'amugamba nti, "Weenyweze, olabe ekiteekwa okukolebwa, kubanga
omwaka ogunaddirira kabaka w'e Busuuli ajja kukulumba nate."
23 Mu kiseera ekyo, abakungu ba kabaka w'e Busuuli ne bamuwa am-
agezi nti, "Bakatonda b'Abayisirayiri bakatonda ba nsozi, era kyebavudde
batusinza amaanyi. Naye bwe tunaabalwanyisizza mu lusenyi, mazima
ddala tunaabasinza amaanyi.
24 Kola bw'oti, ggyawo bakabaka bonna mu bifo byabwe
eby'okuduumira, osseewo abaduumizi abalala.
25 Oteekwa okufuna eggye ery'enkana liri lye wafiirwa, embalaasi edde
mu kifo ky'embalaasi, n'eggaali mu kifo ky'eggaali, tulyoke tulwane nabo
mu lusenyi, olwo tunaabasinzizza ddala amaanyi." N'abawuliriza era
n'akola bw'atyo.
26 Omwaka ogwaddirira Benikadadi n'akuŋŋaanya Abasuuli,
n'ayambuka mu Afeki okulwana ne Isirayiri.
27 Awo abantu ba Isirayiri nabo ne bakuŋŋaana ne baweebwa entanda
yaabwe, ne bagenda okubasisinkana. Abayisirayiri ne basiisira okuboolek-
era ne bafaanana ng'ebisibo bibiri ebitono eby'embuzi, naye Abasuuli ne
babuna ensi yonna.
28 Awo omusajja wa Katonda n'asembera, n'agamba kabaka wa Isirayiri
nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Olw'okuba Abasuuli balowooza nga
MUKAMA Katonda wa ku nsozi so si Katonda wa mu biwonvu, ndigabula
eggye lino eddene mu mukono gwo, otegeere nga nze MUKAMA.' "
29 Ne basiisira nga boolekaganye okumala ennaku musanvu, ku lunaku
olw'omusanvu ne balumbagana. Abayisirayiri ne batta abaserikale
ab'ebigere Abasuuli emitwalo kkumi mu lunaku lumu.

30 Abalala ne baddukira mu kibuga Afeki, era eyo bbugwe w'ekibuga
ekyo gye yagwira ku bantu emitwalo musanvu ku baali bawonyeewo.

### *Akabu Asaasira Benikadadi*

Benikadadi naye nadduka ne yeekweka mu kibuga mu kimu ku bisenge
eby'omunda.
31 Abakungu be ne bamugamba nti, "Laba, tuwulidde nti bakabaka
b'ennyumba ya Isirayiri, ba kisa, twesibe ebibukutu mu biwato byaffe,
tuzingirire emige ku mitwe gyaffe tugende ewa kabaka wa Isirayiri,
oboolyawo anaakusaasira."
32 Ne beesiba ebibukutu mu biwato byabwe, ne bazingirira emige ku
mitwe gyabwe, ne balaga ewa kabaka wa Isirayiri, ne bamugamba nti,
"Omuddu wo Benikadadi agamba nti, 'Nkwegayiridde tonzita.' " Kabaka
n'ababuuza nti, "Akyali mulamu? Oyo muganda wange."
33 Abasajja ne balowooza nti ako kabonero kalungi, era ne banguwa ok-
wogera nti, "Weewaawo, muganda wo Benikadadi." Kabaka n'ayogera nti,
"Mugende mumuleete." Benikadadi bwe yavaayo, Akabu n'amuleetera
mu gaali lye.
34 Awo Benikadadi n'agamba nti, "Ndikuddiza ebibuga kitange bye
yawamba ku kitaawo, era olyessizaawo obutale obubwo ggwe mu
Ddamasiko, nga kitange bwe yakola mu Samaliya." Akabu n'addamu nti,
"Nzija kukuleka ogende nga tukoze endagaano." Era ne bakola endagaano,
n'amuleka n'agenda.

### *Nnabbi Anenya Akabu*

35 Omu ku batabani ba bannabbi n'agamba munne nti, "Katonda
alagidde onfumite n'ekyokulwanyisa kyo," naye munne oyo n'agaana.
36 Mutabani wa nnabbi n'ayogera nti, "Olw'obutagondera ddoboozi lya
MUKAMA, bw'onooba wakava wano, empologoma eneekutta." Awo bwe
baali kyebajje baawukane, n'asanga empologoma era n'emutta.
37 Mutabani wa nnabbi n'asanga omusajja omulala, n'amugamba
nti, "Nfumita, nkwegayiridde." Omusajja n'amufumita n'amuleetako
ekiwundu.
38 Awo n'agenda n'alindirira kabaka mu kkubo, ne yeebuzaabuza
ng'abisse ekiremba kye ku maaso ge.
39 Kabaka bwe yali ng'ayitawo, mutabani wa nnabbi n'amukoowoola
ng'agamba nti, "Omuddu wo yagenze wakati mu lutalo, ne wabaawo
omuserikale eyandetedde omusibe n'aŋŋamba nti, 'Kuuma omusajja ono.
Bw'anaabula ggw'onottibwa mu kifo kye, oba si kyo oteekwa okusasula
kilo amakumi asatu mu nnya eza ffeeza.'
40 Omuddu wo bwe yali ng'atawaana erudda n'erudda, laba omusajja
n'abula."
Kabaka wa Isirayiri n'amuddamu nti, "Ogwo musango gwo, era
ogwesalidde."
41 Awo mutabani wa nnabbi n'ayanguwa, okuggya ekiremba ku maaso
ge, kabaka wa Isirayiri n'amutegeera nga y'omu ku bannabbi.
42 N'agamba kabaka nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Otadde
omusajja gwe namaliridde okutta. Noolwekyo ggw'ojja okufa mu kifo kye,
n'abantu bo bafe mu kifo ky'abantu be.' "
43 Kabaka wa Isirayiri n'alaga mu lubiri lwe e Samaliya ng'aswakidde
era nga munyiivu.

# 21

*Akabu Yeegomba Ennimiro ya Nabosi*

1 Awo ebyo bwe byaggwa, ne wabaawo ensonga ekwata ku nnimiro ya
Nabosi Omuyezuleeri ey'emizabbibu, eyali eriraanye olubiri lwa Akabu
kabaka wa Samaliya.*
2 Awo Akabu n'agamba Nabosi nti, "Mpa ennimiro yo ey'emizabbibu
nnimiremu enva, nga bw'eriraanye olubiri lwange. Mu kifo kyayo
nzija kukuwaamu ennimiro ey'emizabbibu endala, oba bw'onoosiima,
nnaakusasulamu omuwendo ogugigyamu."
3 Nabosi n'amuddamu nti, "Kikafuuwe, nze okukuwa obusika bwa
bajjajjange."
4 Awo Akabu n'addayo eka ng'annyogoze nnyo era nga munyiivu
kubanga Nabosi Omuyezuleeri yamugamba nti, "Sijja kukuwa busika
bwa bajjajjange." N'agalamira ku kitanda kye nga yeesooza, n'agaana
n'okulya.
5 Naye Yezeberi mukazi we n'ayingira, n'amubuuza nti, "Lwaki onnyo-
goze nnyo bw'otyo n'okulya n'otalya?"
6 N'amuddamu nti, "Kubanga ŋŋambye Nabosi Omuyezuleeri antunze
ennimiro ye ey'emizabbibu, oba bw'anaasiima muwaanyiseemu ennimiro
endala. Naye agambye nti, 'Sijja kukuwa nnimiro yange ey'emizabbibu.' "
7 Yezeberi mukazi we n'amugamba nti, "Bw'otyo bwe weeyisa nga
kabaka wa Isirayiri? Golokoka olye! Ddamu amaanyi. Nzija kukufunira
ennimiro ya Nabosi Omuyezuleeri ey'emizabbibu."
8 Awo Yezeberi n'awandiika amabaluwa mu linnya lya Akabu,
n'agassaako akabonero ke, era n'agaweereza eri abakadde n'abakungu
abaabeeranga mu kibuga kya Nabosi.
9 Mu bbaluwa ezo n'awandiika nti,

"Mulangirire okusiiba, mutuuze Nabosi mu kifo abantu bonna we
bamulengerera,
10 era mutuuze abasajja babiri okumwolekera bamuwaayirize nti
akolimidde Katonda ne kabaka. Oluvannyuma mumutwale ebweru
mumukube amayinja, mumutte."

11 Awo abakadde n'abakungu abaabeeranga mu kibuga ekyo ne bakola
nga Yezeberi bwe yalagira mu mabaluwa ge yabawandiikira.
12 Ne balangirira okusiiba era ne batuuza Nabosi mu kifo w'alabikira
obulungi mu bantu.
13 Abasajja babiri ne bajja ne batuula okumwolekera ne bamuwaayiriza
mu maaso g'abantu nga bagamba nti, "Nabosi yakolimidde Katonda ne
kabaka." Awo abantu ne bamutwala ebweru w'ekibuga ne bamukuba
amayinja ne bamutta.
14 Ne batumira Yezeberi nti, "Nabosi akubiddwa amayinja era afudde."
15 Amangwago Yezeberi bwe yawulira nti Nabosi yakubibwa amayinja
era n'afa, n'agamba Akabu nti, "Golokoka otwale ennimiro ey'emizabbibu
eya Nabosi Omuyezuleeri gye yagaana okukuguza, kubanga takyali
mulamu, mufu."
16 Akabu bwe yawulira nti Nabosi afudde n'agolokoka n'aserengeta
okutwala ennimiro ya Nabosi Omuyezuleeri ey'emizabbibu.
17 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Eriya Omutisubi nti,

---

* **21:1** Samaliya kye kyali ekibuga ekikulu eky'obwakabaka obw'omu Bukiikakkono, era kye kyogerebwako wano.

18 “Serengeta eri Akabu kabaka wa Isirayiri afugira mu Samaliya,
kubanga laba ali mu nnimiro ey’emizabbibu eya Nabosi era agenze
okugitwala.
19 Mugambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, Tosse omusajja
n’okutwala n’otwala obugagga bwe?’ Olyoke omugambe nti, ‘Bw’ati
bw’ayogera MUKAMA nti: Mu kifo embwa wezikombedde omusaayi gwa
Nabosi, embwa mwezirikombera ogugwo.’ ”
20 Akabu n’agamba Eriya nti, “Onsanze, ggwe omulabe wange!”
N’amuddamu nti, “Nkusanze, kubanga weewaddeyo okukola ebibi mu
maaso ga MUKAMA.
21 MUKAMA agamba nti, ‘Laba ndikuleetako akabi, ndimalawo ennyumba
yo yonna, era ndiggya ku Akabu buli musajja yenna mu Isirayiri, omuddu
n’atali muddu.
22 Ndifuula ennyumba yo okuba nga eya Yerobowaamu mutabani
wa Nebati, n’eya Baasa mutabani wa Akiya, olw’okusunguwaza kwe
wansunguwaza bwe wayonoonyesa Isirayiri.’
23 “Ate era n’eri Yezeberi MUKAMA bw’ati bw’agamba nti, ‘Embwa
ziririiira Yezeberi okuliraana bbugwe w’e Yezuleeri.
24 Embwa ziririiira omuntu yenna owa Akabu alifiira mu kibuga, ate
ennyonyi zirye abo bonna abalifiira ku ttale.’ ”
25 Tewali musajja eyafaanana nga Akabu, eyeewaayo okukola ebibi mu
maaso ga MUKAMA ng’awalirizibwa mukazi we Yezeberi.
26 Yakola eby’ekivve ng’agoberera ebifaananyi bya bakatonda,
ng’Abamoli† be yagoba mu maaso g’abantu ba Isirayiri bwe baakolanga.
27 Awo Akabu bwe yawulira ebigambo ebyo, n’ayuza engoye ze,
n’ayambala ebibukutu n’okusiiba n’asiiba. N’agalamira mu bibukutu, era
n’atambula nga yeewombeese.
28 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Eriya Omutisubi nti,
29 “Olabye Akabu bwe yeewombeese mu maaso gange? Olw’okubanga
yeewombeese mu maaso gange, sirireeta kabi ako mu mirembe gye, naye
ndikaleeta mu nnyumba ye mu mirembe gya mutabani we.”

# 22

*Nnabbi Mikaaya Alabula Akabu*

1 Ne wataba ntalo wakati wa Busuuli ne Isirayiri okumala emyaka esatu.
2 Naye mu mwaka ogwokusatu Yekosafaati kabaka wa Yuda
n’aserengeta okugenda okukyalira kabaka wa Isirayiri.
3 Kabaka wa Isirayiri yali agambye abaami be nti, “Mumanyi nti
Lamosugireyaadi kyaffe, naye ate nga tetulina kye tukola wo okukiggya
ku kabaka wa Busuuli?”
4 Mu kiseera ekyo n’abuuza Yekosafaati nti, “Onoogenda nange mu
lutalo e Lamosugireyaadi?”
Yekosafaati n’addamu kabaka wa Isirayiri nti, “Nze ndi nga bw’oli
abantu bange ng’abantu bo, n’embalaasi zange ng’ezizo.”
5 Naye Yekosafaati n’ayongerako nti, “Sooka weebuuze ku MUKAMA.”
6 Awo kabaka wa Isirayiri n’akuŋŋaanya bannabbi awamu nga bawera
ng’ebikumi bina, n’ababuuza nti, “Ŋŋende ntabaale e Lamosugireyaadi
oba ndekeyo?” Ne baddamu nti, “Genda kubanga Mukama alikigabula
mu mukono gwa kabaka.”

† 21:26 Erinnya Abamoli litegeeza abantu bonna Abapalesitayini abaabeeranga mu kitundu ekyo Abayisirayiri nga tebannajja (Lub 15:15; Kuv 23:23; Ma 1:7)

7 Naye Yekosafaati n'abuuza nti, "Wano tewaliwo nnabbi wa MUKAMA gwe tuyinza kwebuuzaako?"

8 Kabaka wa Isirayiri n'addamu Yekosafaati nti, "Wakyaliyo omusajja omu gwe tuyinza okwebuuzaako eri MUKAMA erinnya lye ye Mikaaya* mutabani wa Imula naye namukyawa kubanga tewali kirungi ky'alagula ku nze, wabula ebibi."

9 Awo kabaka wa Isirayiri n'alagira omu ku baami be nti, "Yanguwa mangu okuleeta Mikaaya mutabani wa Imula."

10 Awo Kabaka wa Isirayiri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda nga bambadde ebyambalo byabwe eby'obwakabaka era nga batudde ku ntebe zaabwe ez'obwakabaka mu mulyango ogwa wankaaki w'ekibuga Samaliya, nga ne bannabbi bonna balagulira awo we baali;

11 Zeddekiya mutabani wa Kenaana yali yeekoledde amayembe ag'ebyuma, n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Olisindikiriza Abasuuli ne gano okutuusa lwe balisaanyizibwawo.' "

12 Bannabbi abalala bonna nabo baalagula kye kimu, nga boogera nti, "Yambuka olumbe Lamosugireyaadi obe muwanguzi kubanga MUKAMA ajja kukigabula mu mukono gwa kabaka."

13 Omubaka eyatumibwa okuleeta Mikaaya n'amugamba nti, "Laba ebigambo bya bannabbi abalala biragula buwanguzi eri kabaka, kale ekigambo kyo nakyo kikkiriziganye nabyo, oyogere bulungi."

14 Naye Mikaaya n'ayogera nti, "Nga MUKAMA bw'ali omulamu, nzija kwogera ekyo kyokka MUKAMA ky'anaŋŋamba."

15 Bwe yatuuka awali kabaka, kabaka n'amubuuza nti, "Mikaaya tulumbe Lamosugireyaadi, nantiki tulekeyo?" N'amuddamu nti, "Kirumbe obe muwanguzi kubanga MUKAMA anakigabula mu mukono gwa kabaka."

16 Kabaka n'amubuuza nti, "Nnaakulayiza emirundi emeka okutegeeza amazima mu linnya lya MUKAMA?"

17 Nnabbi n'addamu nti, "Nalaba Isirayiri yenna ng'esaasaanye ku nsozi, ng'endiga ezitalina musumba." MUKAMA n'ayogera nti, "Bano tebalina mukama waabwe, era buli omu ku bbo addeyo ewuwe mirembe."

18 Awo kabaka wa Isirayiri n'agamba Yekosafaati nti, "Saakugambye nti, talina kirungi ky'andagulako wabula ekibi?"

19 Mikaaya n'ayogera nti, "Noolwekyo wulira ekigambo kya MUKAMA nti: Nalaba MUKAMA ng'atudde ku ntebe ye ey'obwakabaka nga n'eggye lyonna ery'omu ggulu liyimiridde ku mukono gwe ogwa ddyo ne mukono gwe ogwa kkono.

20 MUKAMA n'ayogera nti, 'Ani anaasendasenda Akabu ayambuke okulumba Lamosugireyaadi afiire eyo?' Omu ku bo n'addamu bulala, n'omulala n'addamu bulala.

21 Ku nkomerero ne wavaayo omwoyo ne guyimirira mu maaso ga MUKAMA ne gwogera nti, 'Nze nnaamusendasenda.'

22 "MUKAMA n'abuuza nti, 'Mu ngeri ki?' Omwoyo ne guddamu nti, 'Nzija kugenda nfuuke omwoyo ogw'obulimba mu mimwa gya bannabbi be bonna.' MUKAMA n'addamu nti, 'Ojja kusobola okumusendasenda, genda okole bw'otyo.'

23 "Kale nno, MUKAMA atadde omwoyo omulimba mu mimwa gya buli nnabbi wo era MUKAMA amaliridde okukusaanyaawo."

---

* **22:8** Mikaaya oluusi ayitibwa Mikka. Kyokka si y'omu ne nnabbi eyawandiika ekitabo kya Mikka.

24 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana n'asembera n'akuba Mikaaya
oluyi ku ttama, n'ayogera nti, "Omwoyo wa MUKAMA yampiseeko atya
okwogera nawe?"
25 Awo Mikaaya n'addamu nti, "Laba, ekyo onokimanya ku lunaku
lw'oligenda okwekweka mu kisenge eky'omunda."
26 Awo kabaka wa Isirayiri n'alagira nti, "Mukwate Mikaaya, mu-
muzzeeyo ewa Amoni omukulu w'ekibuga, n'eri Yowaasi mutabani wa
kabaka,
27 era mwogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera kabaka nti: muteeke omuntu ono
mu kkomera, ate temumuwa ekintu kyonna okuggyako omugaati n'amazzi
okutuusa lwe ndikomawo emirembe.' "
28 Mikaaya n'alangirira nti, "Bw'olikomawo emirembe, MUKAMA nga
tayogeredde mu nze." Era n'ayongerako nti, "Mugenderere ebigambo
byange, mmwe abantu mwenna."

### *Okufa Kwa Akabu e Lamosugireyaadi*

29 Awo kabaka wa Isirayiri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne bambuka
e Lamosugireyaadi.
30 Kabaka wa Isirayiri n'agamba Yekosafaati nti, "Nzija kugenda mu
lutalo nga nneefudde omuntu omulala, naye ggwe oyambale ebyambalo
eby'obwakabaka." Awo kabaka wa Isirayiri ne yeefuula omuntu omulala
n'agenda mu lutalo.
31 Kabaka w'e Busuuli yali alagidde abaduumizi b'amagaali nti, "Temul-
wanagana na muntu yenna, kabe mutono oba mukulu, wabula kabaka wa
Isirayiri yekka."
32 Awo abaduumizi b'amagaali bwe baalaba Yekosafaati, ne balowooza
nti, "Ddala ono ye kabaka wa Isirayiri." Ne batanula okumulumba, naye
Yekosafaati n'aleekaanira waggulu,
33 abaduumizi b'amagaali ne bategeera nti si ye kabaka wa Isirayiri ne
balekeraawo okumugoba.
34 Awo omuntu omu n'amala galasa akasaale ke, ne kakwata kabaka
wa Isirayiri ebyambalo bye eby'ebyuma we bigattira, n'agamba omugoba
w'eggaali lye nti, "Kyusa eggaali onzigye mu lutalo, kubanga nfumitid-
dwa."
35 Olutalo ne lweyongerera ddala nnyo ku lunaku olwo, era kabaka ne
bamukwatirira mu gaali lye nga litunuulaganye n'Abasuuli. Omusaayi
okuva mu kiwundu kye ne gukulukuta nnyo mu gaali, n'oluvannyuma
n'afa.
36 Enjuba bwe yali ng'eneetera okugwa, ne waba ekirango ekyabuna mu
ggye nti, "Buli muntu adde mu kibuga ky'ewaabwe, era buli muntu adde
mu nsi y'ewaabwe!"
37 Awo kabaka n'afa n'aleetebwa e Samaliya, era n'aziikibwa eyo.
38 Ne booleza eggaali lye awaali ekidiba kya Samaliya, bamalaaya we
baanaabiranga, embwa ne zikomba omusaayi gwe, ng'ekigambo kya
MUKAMA bwe kyayogerwa.
39 Ebyafaayo ebirala eby'omulembe gwa Akabu, n'ebyo bye yakola,
n'olubiri lwe yazimba n'alulongoosa n'amasanga, n'ebibuga bye yaz-
imbako bbugwe, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya
bassekabaka ba Isirayiri?
40 Awo Akabu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, Akaziya mutabani we
n'amusikira.

### *Yekosafaati Kabaka wa Yuda*

41 Awo Yekosafaati mutabani wa Asa n'atandika okufuga mu Yuda mu mwaka ogw'amakumi ana ogwa Akabu kabaka wa Isirayiri.
42 Yekosafaati yalina emyaka egy'obukulu amakumi asatu mu etaano we yatandikira okufuga, era n'afugira mu Yerusaalemi okumala emyaka amakumi abiri mu etaano. Nnyina erinnya lye ye yali Azuba muwala wa Siruki.
43 N'atambulira mu ngeri za kitaawe Asa era n'atazivaamu, ng'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, newaakubadde nga teyaggyawo bifo bigulumivu, abantu ne beeyongeranga okuweerayo ssaddaaka n'okwokya obubaane.
44 Yekosafaati n'atabagana ne kabaka wa Isirayiri.
45 Ebyafaayo ebirala eby'omulembe gwa Yekosafaati, ebintu bye yakola, n'amaanyi ge mu ntalo, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
46 N'aggyirawo ddala abaalyanga ebisiyaga abaali basigaddewo mu nsi, oluvannyuma lw'omulembe gwa kitaawe Asa.
47 Awo mu biro ebyo ne wataba kabaka mu Edomu, omusigire wa kabaka n'afuga.
48 Yekosafaati yali azimbye ekibinja eky'ebyombo okugenda e Ofiri okukimangayo zaabu, naye ne bitasobola, kubanga byonna byabbira e Eziyonigeba.
49 Mu kiseera ekyo Akaziya mutabani wa Akabu yali agambye Yekosafaati nti, "Abasajja bange ka baseeyeeye n'ababo," naye Yekosafaati n'atakyagala.
50 Awo Yekosafaati ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe era n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi jjajjaawe, Yekolaamu mutabani we n'amusikira.

### *Akaziya Kabaka wa Isirayiri*

51 Awo Akaziya mutabani wa Akabu n'alya obwakabaka kabaka bwa Isirayiri mu Samaliya mu mwaka ogw'ekkumi n'omusanvu ogwa Yekosafaati kabaka wa Yuda, era n'afuga Isirayiri okumala emyaka ebiri.
52 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ne yeeyisa nga kitaawe bwe yeeyisanga, era nga ne nnyina bwe yakolanga, ate era nga Yerobowaamu mutabani wa Nebati, eyaleetera Isirayiri okwonoona bwe yakolanga.
53 Yaweereza era n'asinza Baali, n'asunguwaza MUKAMA Katonda wa Isirayiri, mu ngeri zonna nga kitaawe bwe yakola.

# Ekitabo Ekiyitibwa Bassekabaka Ekyokubiri

*MUKAMA asalira Akaziya Omusango*

1 Awo Akabu ng'amaze okufa, ab'omu nsi ya Mowaabu ne bajeemera
Abayisirayiri.
2 Akaziya ng'ali mu Samaliya y'asimatuka n'ayita mu ddirisa ly'ekisenge
kye ekya waggulu, n'agwa, n'alwala. Awo n'atuma ababaka eri Baaluze-
bubi* bakatonda b'e Ekuloni, okubeebuuzaako obanga obulwadde bwe
buliwona.
3 Malayika wa MUKAMA n'ajja eri Eriya Omutisubi n'amugamba nti,
"Golokoka, ogende osisinkane ababaka ba kabaka w'e Samaliya, obabuuze
nti, 'Teri Katonda mu Isirayiri, kyemuvudde mugenda mwebuuza eri
Baaluzebubi bakatonda b'e Ekuloni?'
4 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, toliwona bulwadde bwo,
naye ogenda kufa." Eriya bwe yamala okwogera ebyo n'agenda.
5 Oluvannyuma lw'ebyo, ababaka kabaka be yatuma ne baddayo eri
kabaka, n'ababuuza nti, "Kiki ekibakomezaawo amangu?"
6 Ne bamuddamu nti, "Waliwo omusajja eyatusisinkanye mu kkubo
n'atugamba nti, 'Muddeyo eri kabaka mumugambe nti olw'okugenda eri
Baaluzebubi bakatonda b'e Ekuloni okulagulwa, n'otogenda kwebuuza ku
Katonda wa Isirayiri, togenda kuva ku kitanda ekyo era togenda kuwona
bulwadde obwo wabula ogenda kufa.' "
7 N'ababuuza nti, "Omusajja oyo gwe musisinkanye abadde afaanana
atya?"
8 Ne bamuddamu nti, "Abadde ayambadde ekyambalo kya bwoya, nga
yeesibye n'olukoba lwa bwoya."
Kabaka n'ayogera nti, "Oyo yandiba Eriya Omutisubi."
9 Awo kabaka n'atuma omukulu eyali akulira ekibinja ky'abasajja
amakumi ataano n'abasajja be eri Eriya. Bwe yatuuka awaali Eriya,
yamusanga atudde ku ntikko eya kasozi, n'amugamba nti, "Musajja wa
Katonda, kabaka akwetaaga."
10 Eriya n'addamu omukulu w'ekibinja nti, "Obanga ndi musajja wa
Katonda, omuliro guve mu ggulu gukwokye ggwe n'ekibinja kyo!" Awo
omuliro ne guva mu ggulu ne gumwokya ye n'ekibinja kye.
11 Kabaka bwe yawulira ebyo n'atuma omukulu omulala n'ekibinja kye
eky'amakumi ataano eri Eriya. Omukulu oyo eyatumibwa n'agamba Eriya
nti, "Ggwe omusajja wa Katonda, kabaka akuyita mangu."p
12 Eriya n'amuddamu nti, "Obanga ndi musajja wa Katonda, kale
omuliro guve mu ggulu gukwokye ggwe n'ekibinja kyo." Awo omuliro
ne guva mu ggulu ne gumwokya ye n'ekibinja kye.
13 Naye kabaka teyakoma ku abo, n'amutumira omukulu owookusatu
ow'ekibinja ekirala eky'amakumi ataano, n'agenda eri Eriya. Bwe
yatuuka awaali Eriya n'afukamira mu maaso ge, n'amwegayirira

* **1:2** Baaluzebubi kitegeeza "mukama w'ensowera." Erinnya eryo likozesebwa okunyooma katonda w'Abakanani ayitibwa Beeruzebuli (omulangira w'abadayimooni) mu *Matayo 10:25; 12:27*.

ng'agamba nti, "Omusajja wa Katonda nkwegayiridde, onsasire, nneme okufa.
14 Laba, omuliro gwavudde mu ggulu ne gwokya abakulu bombi n'ebibinja byabwe, naye kaakano osaasire obulamu bwange."
15 Awo malayika wa MUKAMA n'agamba Eriya nti, "Serengeta naye, so tomutya." Awo Eriya n'asituka n'aserengeta n'omubaka wa kabaka eri kabaka.
16 Eriya n'agamba kabaka nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Nsonga ki eyakutwala eri Baaluzebubi bakatonda b'e Ekuloni okulagulwa, mu kifo ky'okulaga eri Katonda wa Isirayiri ne gw'oba weebuuzako?' Ky'oliva olema okuva ku kitanda ekyo kye weebaseeko, era ojja kufa."
17 N'afa, ng'ekigambo kya MUKAMA kye yatuma Eriya bwe kyali.
Olwokubanga Akaziya teyalina mwana wabulenzi, Yekolaamu n'amusikira okuba kabaka, mu mwaka ogwokubiri ogwa Yekolaamu mutabani wa Yekosafaati eyali kabaka wa Yuda.
18 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Akaziya ne bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?

# 2

## *Okutwalibwa kwa Eriya mu Ggulu*

1 Awo MUKAMA bwe yali ng'anaatera okutwala Eriya mu ggulu mu mbuyaga ey'amaanyi, nga Eriya ne Erisa bava e Girugaali,
2 Eriya n'agamba Erisa nti, "Sigala wano, ŋŋende e Beseri* MUKAMA gy'antumye." Naye Erisa n'amuddamu nti, "Mazima nga MUKAMA bw'ali omulamu, era nga nawe bw'oli omulamu, siireme kugenda naawe."
Awo ne baserengeta bonna e Beseri.
3 Ekibiina ekya bannabbi abaali e Beseri ne bagenda eri Erisa ne bamugamba nti, "Okimanyi nga MUKAMA anaatwala mukama wo olwa leero?"
Erisa n'abaddamu nti, "Nkimanyi, naye temukyogerako."
4 Eriya n'addamu omulundi ogwokubiri n'agamba Erisa nti, "Sigala wano, ŋŋende e Yeriko MUKAMA gy'antumye." Naye Erisa n'amuddamu nti, "Mazima nga MUKAMA bw'ali omulamu, era nga nawe bw'oli omulamu, siireme kugenda naawe."
Awo ne bagenda bonna e Yeriko.
5 Awo ekibiina ekya bannabbi abaali e Yeriko ne batuukirira Erisa ne bamugamba nti, "Okimanyi nga MUKAMA anaatwala mukama wo olwa leero?" Erisa n'abaddamu nti, "Weewaawo nkimanyi, naye temukyogerako."
6 Eriya n'addamu nate n'amugamba nti, "Sigala wano, nserengete ku Yoludaani MUKAMA gy'antumye." Naye Erisa n'amuddamu nti, "Mazima nga MUKAMA bw'ali omulamu, era nga nawe bw'oli omulamu, siireme kugenda naawe."
Awo ne batambula bombi.
7 Ne waba ekibiina kya bannabbi amakumi ataano abaali bayimiridde akabanga okuva Eriya ne Erisa we baali ku lubalama lw'omugga Yoludaani.

---

* **2:2** Beseri kyali kibuga kikulu okuviira ddala mu biseera bya bajjajja aboogerebwako mu Bayibuli (Lub 12:8; 22:10-22; 35:1-5). Yerobowaamu yali azimbyeyo yeekaalu okuvuganya ne Yeekaalu eyali ezimbiddwa mu Yerusaalemi (1Bk 12:28-33).

8 Awo Eriya n'addira omunagiro gwe n'aguzinga wamu n'akuba amazzi ne gaawulibwamu, agamu ne gadda ku luuyi olwa ddyo n'amalala ku luuyi olwa kkono, bombi ne bayita ku lukalu.

9 Awo bwe baamala okusomoka, Eriya n'abuuza Erisa nti, "Kiki ky'oyagala nkukolere nga sinnaba kukuggyibwako?" Erisa n'amuddamu nti, "Nkusaba, nsikire emigabo ebiri egy'Omwoyo akuliko."

10 N'amugamba nti, "Ky'osabye kigambo kizibu, naye bw'onondaba nga ntwalibwa, kale kinaaba nga bw'osabye, naye bw'otondabe tekiibe bwe kityo."

11 Awo bwe baali batambula nga bwe banyumya bokka na bokka, ne walabika eggaali ey'omuliro n'embalaasi ez'omuliro ne zibaawula, era mu kiseera kye kimu Eriya n'atwalibwa mu ggulu mu mbuyaga ey'amaanyi.

12 Awo Erisa bwe yalaba ekyo, n'ayogerera waggulu nti, "Kitange, Kitange, amagaali n'abeebagala embalaasi aba Isirayiri!" Erisa n'ataddamu kumulaba nate. N'addira engoye ze yali ayambadde, n'aziyuzaayuza.

13 Waaliwo omunagiro ogwali gusuulibbwa Eriya ng'atwalibwa mu ggulu, era ogwo Erisa gwe yalonda n'addayo ku mugga Yoludaani n'ayimirira ku lubalama lw'omugga.

14 N'addira omunagiro gwe yali alonze n'aguzinga n'akuba amazzi n'ayogera nti, "Kaakano MUKAMA, Katonda wa Eriya ali luuyi wa?" Bwe yakuba amazzi ne geeyawulamu, agamu ne gadda ku luuyi olwa ddyo n'amalala ku luuyi olwa kkono, n'asomoka.

15 Awo ekibiina ekya bannabbi abaali mu Yeriko ne bayogera nti, "Omwoyo wa Eriya ali ku Erisa." Ne bagenda okumusisinkana ne bamuvuunamira.

16 Ne bamugamba nti, "Laba, ffe abaddu bo tulina abasajja abazira amakumi ataano. Bagende banoonye mukama wo, osanga Omwoyo wa MUKAMA amututte n'amuteeka ku bumu ku busozi oba mu kiwonvu."

Erisa n'abaddamu nti, "Temutawaana, era temubatuma."

17 Naye bwe baamuwaliriza, n'atendewalirwa, n'abagamba nti, "Kale, mubatume." Awo ne batuma abasajja amakumi ataano, ne banoonya okumala ennaku ssatu naye ne batamulaba.

18 Bwe bakomawo gy'ali mu Yeriko, n'abagamba nti, "Saabalabudde obutagenda?"

### *Okutukuzibwa kwa Mazzi*

19 Awo abasajja ab'omu kibuga ne bagenda eri Erisa ne bamugamba nti, "Mukama waffe, ekibuga kino kiri mu kifo kirungi, nga nawe bw'olaba, naye amazzi gaamu mabi, era n'ensi si njimu."

20 N'abagamba nti, "Mundeetere ebbakuli empya nga mutaddemu omunnyo." Ne bagimuleetera.

21 N'aserengeta ku nsulo ey'amazzi, n'ayiwamu omunnyo, n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Nnoongosezza amazzi gano era tegakyaddamu kuleeta kufa wadde okufuula ensi obutaba njimu.' "

22 Amazzi ne galongooka, ng'ekigambo kya MUKAMA kye yayogerera mu Erisa bwe kyali, n'okutuusa ku lunaku lwa leero.

### *Abavubuka basekerera Erisa*

23 Erisa bwe yava eyo n'akwata ekkubo erigenda e Beseri. Naye ng'ali mu kkubo, n'asisinkana abavubuka ab'omu kibuga ekyo ne bamusekerera nga bwe boogera nti, "Mulabe ow'ekiwalaata! Mulabe ow'ekiwalaata!"

24 N'akyuka n'abatunuulira, n'abakolimira mu linnya lya MUKAMA. Awo ebisolo ebinene bibiri eby'ekika eky'eddubu ne biva mu kibira ne bitaagulataagula abavubuka amakumi ana mu babiri ku bo.
25 Ne yeeyongerayo n'alaga ku Lusozi Kalumeeri, oluvannyuma n'addayo e Samaliya†.

# 3

*Okujeema kwa Mowaabu*

1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'obwakabaka bwa Yekosafaati kabaka wa Yuda, Yekolaamu mutabani wa Akabu n'alya obwakabaka bwa Isirayiri e Samaliya, era n'afugira emyaka kkumi n'ebiri.
2 Yakola ebibi mu maaso ga MUKAMA, newaakubadde nga teyatuuka ku bibi bya kitaawe ne nnyina. Yazikiriza n'empagi eya Baali kitaawe gye yali asimbye.
3 Newaakubadde ng'ekyo yakikola, teyalekayo kukola ebibi ng'ebyo Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yakola, n'ayonoonyesa Isirayiri.
4 Mesa Kabaka wa Mowaabu yalundanga endiga, era yalina omutemwa ogw'okuwangayo abaana b'endiga emitwalo kkumi, n'ebyoya by'endiga ennume emitwalo kkumi eri Akabu.
5 Naye Akabu olwafa, kabaka wa Mowaabu n'atandika okujeemera kabaka wa Isirayiri.
6 Awo mu biro ebyo kabaka Yekolaamu n'asitula okuva e Samaliya, n'akunga Isirayiri yenna okugenda naye.
7 N'atumira ne Yekosafaati kabaka wa Yuda nti, "Kabaka wa Mowaabu anjeemedde, onooyinza okumbeera tumulwanyise?"

Yekosafaati n'amuddamu nti, "Nnaagenda naawe, kubanga nze ndi nga bw'oli, era abantu bange be bantu bo, n'embalaasi zange ze zizo."
8 Yekosafaati n'amubuuza nti, "Ye, tunaalumba kuva ku luuyi ki?" Yekolaamu n'amuddamu nti, "Tunaayita mu ddungu erya Edomu."
9 Awo kabaka wa Isirayiri, n'asitukira wamu ne kabaka wa Yuda ne kabaka wa Edomu* ne bagenda mu lutalo. Ne batambula olugendo lwa nnaku musanvu, n'oluvannyuma ne beesanga ng'eggye amazzi galiweddeko, nga n'ebisolo byabwe tebirina wadde ettondo.
10 Kabaka wa Isirayiri ne yeekanga nnyo. N'ayogera nti, "Zitusanze! Ffenna abasatu, MUKAMA atuwaddeyo mu mukono gwa Mowaabu?"
11 Kyokka Yekosafaati n'abuuza nti, "Tewali wano nnabbi wa MUKAMA tumwebuuzeeko?" Awo omu ku bakungu ba kabaka wa Isirayiri n'amuddamu nti, "Wano waliwo Erisa mutabani wa Safati. Ye yali omuweereza wa Eriya ow'oku mwanjo."
12 Yekosafaati n'ayogera nti, "Alina ekigambo okuva eri MUKAMA." Awo Yekosafaati kabaka wa Yuda, awamu ne kabaka wa Isirayiri, ne kabaka wa Edomu ne baserengeta gy'ali.
13 Awo Erisa n'agamba kabaka wa Isirayiri nti, "Onnanga ki? Genda eri bannabbi ba kitaawo n'aba maama wo." Kabaka wa Isirayiri n'amuddamu nti, "Nedda sijja kugendayo; kubanga kirabika nga MUKAMA atukuŋŋaanyiza ffensatule, okutuwaayo mu mukono gwa Mowaabu."

---

† **2:25** Erisa yabeeranga mu Samaliya. * **3:9** Eky'amazima kiri nti kabaka wa Edomu yali nga gavana, kubanga yali alondeddwa Kabaka Yekosafaati (8:20; 1Bk 22:48).

14 Erisa n'ayogera nti, "Nga Mukama Katonda Ayinzabyonna gwe
mpeereza bw'ali omulamu, singa nnali siwa Yekosafaati kabaka wa Yuda
kitiibwa, sandikukubyeko munye ya liiso wadde okukusaako omwoyo.
15 Naye kaakano, mundeetere omukubi w'ennanga." Omukubi
w'ennanga bwe yali ng'akyakuba ennanga, amaanyi ga Mukama ne gakka
ku Erisa,
16 n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera Mukama nti, 'Musime ensalosalo
mu kiwonvu kino.'
17 Mukama agamba nti, 'Temuulabe mbuyaga wadde enkuba, naye
ekiwonvu kino kijja kujjula amazzi, era mmwe munaanywa, n'ente
zammwe zinaanywa, n'ebisolo byammwe ebirala nabyo binywe.
18 Eyo nsonga nnyangu mu maaso ga Mukama, era n'Abamowaabu mujja
kubawangula.
19 Mulizikiriza buli kibuga ekyetooloddwa bbugwe na buli kibuga
ekikulu, era mulitema buli muti omulungi, ne muziyiza n'enzizi okuleeta
amazzi, era ne mwonoona buli nnimiro nga mugijjuza amayinja.' "
20 Awo obudde bwe bwakya, mu kiseera eky'okuweerayo ssaddaaka,
amazzi ne gakulukuta nga gava ku luuyi olwa Edomu, ensi n'ejjula amazzi.
21 Abamowaabu bonna bwe baawulira nga bakabaka babalumbye okul-
wana nabo, buli musajja, omuto n'omukulu abaali basobola okwambala
ebyokulwanyisa, ne bayitibwa okugenda okutabaala.
22 Enkeera enjuba bwe yayaka ku mazzi, Abamowaabu ne balowooza
nti amazzi mamyufu kubanga gaabalabikira ng'omusaayi.
23 Ne bagamba nti, "Guno musaayi! Kirabika nga bakabaka baalwanye
bokka ne bokka, ne battiŋŋana, kale Mowaabu mugwe ku munyago."
24 Naye Abamowaabu bwe baali nga baakayingira mu nkambi
y'Abayisirayiri, amangwago Abayisirayiri ne batandika okulwana nabo,
okutuusa Abamowaabu lwe badduka.
25 Ne bamenyaamenya ebibuga by'Abamowaabu, ne bakanyuga amay-
inja ku buli kibanja ekirungi okutuusa lwe gaakolangako entuumo;
ne baziba enzizi zonna ez'amazzi, ne batema na buli muti omulungi.
Kirukalesesi kye kifo kyokka ekyali kitalumbiddwa, naye oluvannyuma
abasajja ab'envuumuulo ne bakirumba.
26 Awo kabaka wa Mowaabu bwe yalaba ng'olutalo lumugendedde bubi,
n'atwala abasajja ab'ebitala lusanvu, ne bagenda naye okulumba kabaka
wa Edomu, kyokka ne balemelerwa.
27 N'addira mutabani we omuggulanda, eyali ateekwa okumusikira,
n'amuweerayo ku bbugwe w'ekibuga ng'ekiweebwayo ekyokebwa. Abay-
isirayiri ne beesisiwala nnyo ne beetamwa, era ne baddayo mu nsi
yaabwe.

# 4

### *Nnamwandu n'Akasumbi ak'Amafuta*

1 Awo olwatuuka ne wabaawo nnamwandu, eyali afumbiddwa omu
ku abo abaali mu kibiina kya bannabbi, n'agenda eri Erisa ng'akaaba
n'amugamba nti, "Omuddu wo, baze yafa, era omanyi nga omuddu
wo yatyanga Mukama. Naye kaakano eyali amubanja azze, ng'ayagala
okutwala batabani bange okubafuula abaddu be."

2 Erisa n'amuddamu nti, "Oyagala nkuyambe ntya? Ntegeeza, olina ki mu nnyumba?" N'amugamba nti, "Omuweereza wo ky'alinawo kyokka mu nnyumba twe tufuta* otutono ennyo."
3 Erisa n'amugamba nti, "Genda mu baliraanwa bo bonna obeeyazikeko ebintu ebyereere, nga bingi ddala.
4 Oyingire mu nnyumba yo weggaliremu ggwe ne batabani bo, ottululire amafuta mu bintu ebyo byonna, ng'ekijjula ky'ossa wa bbali."
5 Bwe yava waali n'addayo eka ne yeggalira mu nnyumba ye n'abaana be. Ne bamuleetera ebita nga ye bw'attulula.
6 Ebintu byonna ebyali awo bwe byajjula, n'agamba omu ku batabani be nti, "Ndeetera ekintu ekirala." Naye n'amuddamu nti, "Biweddeyo."
Awo amafuta ne gakoma.
7 Amangwago nnamwandu n'addayo ew'omusajja wa Katonda. Omusajja wa Katonda n'amugamba nti, "Genda otunde amafuta ago, osasule amabanja go, ebinaafikkawo bikuliisenga ggwe ne batabani bo."

### *Mutabani w'Omusunammu Azuukizibwa*

8 Awo olwatuuka Erisa n'agenda e Sunemu. Mu Sunemu mwalimu omukazi nnaggagga, eyamwegayirira alye ku mmere ey'omu nnyumba ye. Awo olwatuuka, buli lwe yayitangawo, n'akyamira eyo okulya ku mmere.
9 Omukazi n'agamba bba nti, "Laba kimbikkuliddwa nti oyo musajja wa Katonda, atera okuyitira wano.
10 Kale nno katumutegekere ekisenge waggulu, tumuteekereyo ekitanda n'emmeeza, n'entebe, n'ettabaaza by'anaakozesanga ng'azze okutukyalira."
11 Lumu, Erisa n'akyalayo, n'agenda mu kisenge kye, n'awummulirako eyo.
12 N'agamba omuweereza we Gekazi nti, "Yita Omusunammu oyo." N'amuyita, n'ajja n'ayimirira mu maaso ge.
13 Erisa n'agamba Gekazi nti, "Mugambe nti, 'Otulabiridde bulungi nnyo. Kaakano kiki kyewandyagadde kikukolerwe? Wandyagadde tukwogerere eri Kabaka oba ew'omuduumizi w'eggye ku nsonga yonna?' "
N'amuddamu nti, "Mbeera mu bantu bange."
14 Erisa n'abuuza Gekazi nti, "Kiki ekiba kimukolerwa?" Gekazi n'addamu nti, "Laba talina mwana, ate ng'akaddiye."
15 Erisa n'amugamba nti, "Muyite." Bwe yamuyita, n'ajja n'ayimirira mu mulyango.
16 Erisa n'amugamba nti, "Omwaka ogujja, mu biro ng'ebya kaakano oliwambaatira omwana owoobulenzi."
Omukyala n'amuddamu nti, "Nedda mukama wange, tolimba muweereza wo, ayi omusajja wa Katonda."
17 Naye oluvannyuma omukazi n'aba olubuto, era omwaka ogwaddirira mu biro bye bimu, n'azaala omwana wabulenzi, nga Erisa bwe yali amugambye.
18 Omwana n'akula, naye olunaku lumu n'addukira ewa kitaawe eyali mu nnimiro n'abakunguzi.
19 N'amutegeeza nti, "Omutwe gunnuma, omutwe gunnuma!"
Kitaawe n'agamba omu ku baddu be nti, "Mutwalire maama we."

* **4:2** Mu bitundu ebyo, amafuta ag'omuzeeyituuni gaali geetagibwa mu kufumba buli mmere. Ate era gaayambanga okukuuma omubiri gwonna nga mulamu bulungi.

[20] Awo omuddu n'amusitula n'amutwala eri nnyina, omwana n'atuula
ku mubiri gwa nnyina okutuusa essaawa ey'omu ttuntu n'oluvannyuma
n'afa.
[21] Nnyina n'asitula omulambo gwe, n'agutwala waggulu n'aguteeka ku
kitanda eky'omusajja wa Katonda, n'afuluma, n'aggalawo oluggi.
[22] N'atumira bba ng'agamba nti, "Mpayo omuddu omu n'endogoyi emu
ŋŋende mangu ew'omusajja wa Katonda, nkomewo."
[23] N'amubuuza nti, "Kiki ekikutwala gy'ali leero? Si lunaku lwa
mwezi ogwakaboneka wadde olwa Ssabbiiti." Omukazi n'amuddamu nti,
"Teweeraliikirira, kiri bulungi."
[24] Ne yeebagala endogoyi, n'agamba omuddu we nti, "Ggwe kulember-
amu, totta ku bigere wabula nga nkugambye."
[25] Ne basitula, n'agenda eri omusajja wa Katonda ku Lusozi Kalumeeri†.
Omusajja wa Katonda bwe yamuleengera ng'akyali walako, n'agamba
omuddu we Gekazi nti, "Laba, Omusunammu wuuli!
[26] Dduka omusisinkane omubuuze nti, 'Oli bulungi ne balo ali bulungi?
Ate omwana?' "
Omukazi n'amuddamu nti, "Kiri bulungi."
[27] Bwe yatuuka okumpi n'olusozi awaali omusajja wa Katonda, n'agwa
wansi ne yeenyweza ku bigere by'omusajja wa Katonda. Amangwago
Gekazi n'ajja ng'ayagala okumugobawo, naye omusajja wa Katonda
n'amugamba nti, "Muleke! Kubanga ali mu nnaku nnyingi nnyo, ate nga
MUKAMA tannambikkulira nsonga, wadde okugintegeeza."
[28] Omukazi n'alyoka ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
"Nakusaba omwana, mukama wange? Saakugamba obutansuubiza
ekisukkiridde?"
[29] Erisa n'agamba Gekazi nti, "Weesibe ekimyu, okwate omuggo gwange
otambule mangu nnyo nga bw'osobola. Bw'onoosisinkana omuntu yenna
mu kkubo tomulamusa, ate bw'akulamusa tomwanukula. Ddira omuggo
gwange ogugalamize ku kyenyi ky'omwana."
[30] Naye nnyina w'omwana n'agamba nti, "Nga MUKAMA bw'ali omu-
lamu, era nga naawe bw'oli omulamu, sijja kukuleka mabega." Erisa
n'asituka n'amugoberera.
[31] Gekazi ye n'abakulemberamu, n'agenda n'ateeka omuggo ku kyenyi
ky'omulenzi, naye ne wataba kanyego newaakubadde okuddamu. Amang-
wago Gekazi n'addayo n'asisinkana Erisa, n'amutegeeza nti, "Omwana
tagolokose."
[32] Awo Erisa n'atuuka ku nnyumba, n'agenda butereevu mu kisenge gye
yasanga omulambo gw'omwana nga gugalamiziddwa ku kitanda kye.
[33] N'ayingira ekisenge, ne yeggalirayo, n'atandika okusaba MUKAMA.
[34] N'alinnya waggulu ku kitanda n'agalamira ku mulambo, omumwa ku
mumwa, amaaso ku maaso, n'emikono ku mikono eby'omulambo. Mu
kiseera ekyo ng'akyagugalamiddeko ne gutandika okubuguumirira.
[35] Erisa n'ayimuka, n'atambulatambula mu kisenge, n'oluvannyuma
n'addamu n'agalamira ku mulambo. Omulenzi n'ayasimula emirundi
musanvu, omulenzi n'azibula amaaso ge.
[36] Awo Erisa n'ayita Gekazi n'amugamba nti, "Yita Omusunammu oyo."
N'amuyita. Omusunammu bwe yajja n'amugamba nti, "Situla omwana
wo."
[37] Omukazi n'ayingira, n'avuunama ku bigere bya Erisa, n'asitula
omwana we n'afuluma.

† **4:25** Olusozi Kalumeeri lwali nga kilomita amakumi asatu okuva e Sunamu.

### *Erisa n'Enva Ezirimu Obutwa*

38 Oluvannyuma, Erisa ng'azeeyo e Girugaali, ate nga mu kiseera kye kimu enjala egudde mu nsi, ekibiina kya bannabbi ne bakuŋŋaanira ewuwe. N'agamba omuweereza we nti, "Abaana ba bannabbi bafumbireyo enva mu ntamu ennene."
39 Omu ku bo n'alaga mu nnimiro n'anoga amaboga, n'alaba n'omuzabbibu ogw'omu nsiko‡, n'anoga ku bibala byagwo ebiwera, n'assa mu lugoye lwe. N'addayo n'abisalirasalira mu ntamu ey'enva. Teyamanya nga bye yanoga birimu akabi.
40 Buli muntu ne bamusenera ku nva; naye bwe baaziryako, ne bayogerera waggulu nti, "Omusajja wa Katonda mu ntamu mulimu okufa." Ne batazirya.
41 Erisa n'agamba nti, "Mundeetereyo obuwunga." Ne babumuleetera n'abuteeka mu ntamu y'enva, n'abagamba nti, "Mugabule abantu balye." Ne wataba kabi mu ntamu y'enva.

### *Erisa Agabula Abantu Ekikumi*

42 Waaliwo omusajja eyava e Baalusalisa, n'aleetera omusajja wa Katonda emigaati egya sayiri kumi n'ebiri nga mmere ey'okubibala ebibereberye, ate era n'amuleetera n'ebirimba eby'eŋŋaano embisi. Erisa n'agamba omuweereza we nti, "Bigabire abantu babirye."
43 Omuweereza we n'amuddamu nti, "Bino mbigabula ntya abantu ekikumi?"
44 Naye Erisa n'amuddamu nti, "Bigabire abantu babirye, kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Banaalya ne bibalemeranawo.' " N'abibagabula, ne balya, ne bibalemeranawo, ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali.

# 5

### *Naamani Awonyezebwa Ebigenge*

1 Awo waaliwo omusajja erinnya lye nga ye Naamani eyali omuduumizi w'eggye lya kabaka w'e Busuuli*, nga musajja wa maanyi mu maaso ga mukama we, era ng'ayagalibwa nnyo, kubanga MUKAMA yali awadde Busuuli obuwanguzi ku lulwe. Yali muserikale muzira ddala; naye nga mugenge.
2 Awo mu biro ebyo Abasuuli ne balumba Isirayiri, ne bawamba omuwala omuto okuva mu Isirayiri, n'aweerezanga mukazi wa Naamani.
3 Omuwala n'agamba mugole we nti, "Singa mukama wange Naamani agenda n'alaba nnabbi ali mu Samaliya, nnabbi oyo yandiyinzizza okumuwonya ebigenge bye."
4 Awo Naamani n'agenda n'ategeeza mukama we ebigambo by'omuwala eyava mu Isirayiri.
5 Kabaka wa Busuuli n'amuddamu nti, "Genda kaakano, era ogende n'ebbaluwa gye nnaawandiikira kabaka wa Isirayiri†." Awo Naamani n'asitula, n'atwala kilo bisatu mu ana eza ffeeza, ne kilo nsanvu eza zaabu, n'ebika by'engoye eby'enjawulo kkumi.
6 Era n'atwalira kabaka wa Isirayiri ebbaluwa, ng'egamba nti, "Nkuweerezza ebbaluwa eno n'omuweereza wange Naamani omuwonye ebigenge bye."

‡ **4:39** Ekimera ekyo kyefaananyiriza omuboga era ekibala kyakyo kyenkana omucungwa mu bunene. Ekibala ekyo kikaayirira nnyo. * **5:1** Kabaka oyo ye yali Benikadadi II. † **5:5** Kabaka wa Isirayiri ayogerwako wano ye Yolaamu.

7 Kabaka wa Isirayiri olwasoma ebbaluwa, n'ayuza ebyambalo bye, n'ayogera nti, "Ndi Katonda, atta era awonya, omusajja ono alyoke ampeereze omusajja we mmuwonye ebigenge bye? Mulaba bw'ansosonkerezaako oluyombo?"
8 Erisa omusajja wa Katonda bwe yawulira nti kabaka wa Isirayiri ayuzizza ebyambalo bye, n'amutumira ng'agamba nti, "Lwaki oyuzizza ebyambalo byo? Nsindikira omusajja, alyoke ategeere nga mu Isirayiri mulimu nnabbi."
9 Awo Naamani n'asitula n'embalaasi ze n'amagaali ge n'ayimirira ku luggi lw'ennyumba ya Erisa.
10 Erisa n'atuma omubaka okumugamba nti, "Genda, onaabe mu Yoludaani emirundi musanvu, onoowonyezebwa, omubiri gwo ne gudda buto."
11 Naye Naamani n'anyiiga, n'agenda nga yeemulugunya nti, "Ndowoozezza nti anaavaayo n'ajja, n'ayimirira n'akoowoola erinnya lya MUKAMA Katonda we, n'awuba omukono gwe ku bitundu ebirina ebigenge, n'amponya.
12 Abana ne Faafa, emigga gy'e Damasiko tegisinga amazzi gonna ag'omu Isirayiri? Lwaki sinaabira mu gyo ne mponyezebwa?" N'akyuka n'agenda ng'ajjudde obusungu bungi.
13 Naye abaddu ba Naamani ne bamusemberera, ne bamugamba nti, "Kitaffe, singa nnabbi yakulagidde okukola ekyobuzira, tewandikikoze? Lwaki kikukaluubiridde bw'akugambye nti, 'Nnaaba obe mulongoofu?' "
14 N'aserengeta n'agenda ne yebbika mu Yoludaani emirundi musanvu, ng'omusajja wa Katonda bwe yamulagira, n'aba mulongoofu, omubiri gwe ne guba ng'ogw'omwana omuto.

### *Erisa Agaana Ekirabo ky'Aweereddwa*

15 Awo Naamani n'ekibinja kye ne baddayo eri omusajja wa Katonda. N'agenda n'ayimirira mu maaso ge, n'ayogera nti, "Kaakano ntegeeredde ddala nga teri Katonda mu nsi endala zonna wabula mu Isirayiri. Noolwekyo kkiriza ekirabo okuva eri omuddu wo."
16 Nnabbi n'amuddamu nti, "Mazima ddala, nga MUKAMA gwe mpeereza bw'ali omulamu, siitwale kintu na kimu." Naamani n'agezaako okumuwaliriza, naye ye n'agaana.
17 Naamani n'amugamba nti, "Bwe kitaabe bwe kityo, nkwegayiridde omuddu wo aweebwe ettaka eriyinza okusitulibwa ennyumbu bbiri, kubanga omuddu wo taliddayo nate okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa wadde ssaddaaka eri katonda omulala yenna wabula eri MUKAMA.
18 Era ne mu nsonga eno MUKAMA asaasire omuddu wo; mukama wange bw'anayingira mu ssabo lya Limoni okusinza, ne yeesigama omukono gwange, ne nvuunamira eyo mu ssabo lya Limoni, MUKAMA asonyiwe omuddu we olw'ensonga eyo."
19 Erisa n'amuddamu nti, "Genda mirembe."

### *Omululu gwa Gekazi n'Ekibonerezo kye*

Naye Naamani bwe yali yakagendako ebbanga ttono,
20 Gekazi omuweereza wa Erisa omusajja wa Katonda, n'alowooza mu mutima gwe nti, "Laba mukama wange bw'asaasidde Naamani ono Omusuuli, n'atakkiriza kirabo kimuweerebbwa. Mazima ddala, nga MUKAMA bw'ali omulamu nzija kumugoberera, mbeeko kye muggyako."

21 Amangwago, Gekazi n'agoberera Naamani. Naamani bwe yamulengera ng'ajja adduka, n'ava mu gaali lye okumusisinkana, n'amubuuza nti, "Byonna biri bulungi?"
22 N'amuddamu nti, "Byonna biri bulungi, naye mukama wange antumye okukutegeeza nti, 'Wabaddewo bannabbi abavubuka babiri abazze gy'ali okuva mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, era akusabye obaweeko kilo amakumi asatu mu nnya eza ffeeza n'ebika by'engoye bya mirundi ebiri.' "
23 Naamani n'amugamba nti, "Tewali kikugaana kutwala kilo nkaaga munaana." N'awaliriza Gekazi, n'amusibirako kilo bbiri eza ffeeza mu nsawo bbiri, n'ebika by'engoye bya mirundi ebiri, Naamani n'abitikka abaddu be babiri, abaabyetikka nga bakulembeddemu Gekazi.
24 Gekazi bwe yatuuka ku lusozi, n'abibaggyako, n'abiteeka mu nnyumba ye, n'abasindika bagende.
25 N'ayingira n'ayimirira mu maaso ga Erisa mukama we. Erisa n'amubuuza nti, "Ova wa Gekazi?" Gekazi n'addamu nti, "Omuddu wo taliiko gy'agenze."
26 Naye Erisa n'amugamba nti, "Ssaagenze naawe mu mwoyo, omusajja bwe yavudde mu ggaali lye okukusisinkana? Kino ky'ekiseera eky'okutwala ensimbi, oba engoye, oba ennimiro ez'emizeeyituuni, oba ez'emizabbibu, oba endiga, oba ente, oba abaddu, oba abaweereza abawala?
27 Noolwekyo ebigenge bya Naamani binaakuberangako gwe ne bazzukulu bo emirembe gyonna." Awo Gekazi n'ava mu maaso ga Erisa nga mugenge, atukula ng'omuzira.

# 6

*Omutwe gw'Embazzi ogwali gubuze guzuulibwa*

1 Awo ekibiina kya bannabbi ne bagamba Erisa nti, "Laba, ekifo we tukuŋŋaanira wafunda nnyo.
2 Leka tulage ku lubalama lwa Yoludaani, buli omu ku ffe atemeyo omuti gumu, twezimbire ekifo ekigazi mwe tuyinza okubeera." N'abagamba nti, "Mugende."
3 Awo omu ku bo n'amubuuza nti, "Toogende n'abaddu bo?"
N'addamu nti, "Nzija kugenda nammwe."
4 N'agenda nabo.
Ne baserengeta ne balaga ku Yoludaani, ne batandika okutema emiti.
5 Naye omu ku bo bwe yali ng'atema omuti, omutwe gw'embazzi ye ne gusowokamu ne gugwa mu mazzi, n'ayogerera waggulu nti, "Ayi mukama wange, nagyeyazise bweyazisi!"
6 Awo omusajja wa Katonda n'amubuuza nti, "Yagudde wa?" Bwe yamulaga ekifo, Erisa n'atema akati, n'akakanyuga mu kifo ekyo, ekyuma ne kiva wansi ne kiseeyeeya kungulu ku mazzi.
7 Erisa n'amugamba nti, "Giggyeemu." Omusajja n'agiggyamu.

*Erisa Aziba Amaaso g'Abasuuli*

8 Awo olwatuuka kabaka wa Busuuli yali atabadde Isirayiri, ne yeebuza ku baserikale be ng'agamba nti, "Kifo ki mwe ndikuba olusiisira lwange?"
9 Naye mu kiseera kye kimu omusajja wa Katonda n'aweereza kabaka wa Isirayiri obubaka nti, "Weegendereze obutayita mu kifo gundi, kubanga Abasuuli bajja kubeerayo."

10 Awo kabaka wa Isirayiri n'atuma bakebere mu kifo ekyo omusajja
wa Katonda kye yayogerako. Era bulijjo Erisa yamulabulanga, kabaka
n'awona si mulundi gumu so si ebiri.

11 Ekyo kyanyiiza nnyo kabaka wa Busuuli, era n'ayita abaserikale be,
n'ababuuza nti, "Muntegeeze, ani mu ffe ali ku ludda lwa kabaka wa
Isirayiri?"

12 Omu ku bo n'amuddamu nti, "Tewali n'omu ku ffe mukama wange
kabaka, naye Erisa nnabbi ali mu Isirayiri, y'ategeeza kabaka wa Isirayiri,
ebigambo by'oyogerera mu kisenge kyo."

13 Kabaka n'alagira nti, "Mugende mulabe w'ali, ndyoke ntume abasajja
bamukwate." Ne bakomyawo obubaka nti, "Ali mu Dosani."

14 Amangwago n'asindika embalaasi, n'amagaali, n'eggye ery'amaanyi,
ne bajja mu kiro ne bazingiza ekibuga.

15 Omuweereza ow'omusajja wa Katonda bwe yazuukuka ku makya
n'afuluma ebweru, laba, eggye eririna embalaasi, n'amagaali nga
lyetoolodde ekibuga. Omuweereza n'ayogerera waggulu nti, "Ayi mukama
wange tunaakola tutya?"

16 Nnabbi n'addamu nti, "Totya kubanga abali naffe bangi okusinga abali
nabo."

17 Awo Erisa n'asaba ng'agamba nti, "Ayi MUKAMA, zibula amaaso
ge asobole okulaba." Amangwago MUKAMA n'azibula amaaso
ag'omuweereza, laba ng'ensozi zijjudde embalaasi n'amagaali ag'omuliro
nga geetoolodde Erisa.

18 Abalabe bwe baaserengeta okulumba Erisa, n'asaba MUKAMA,
n'ayogera nti, "Nkwegayiridde, ozibe amaaso g'abantu bano." N'aziba
amaaso gaabwe nga Erisa bwe yamusaba.

19 Erisa n'abagamba nti, "Lino si lye kkubo, era kino si kye
kibuga. Mungoberere, mbatwale eri omusajja gwe munoonya."
N'abakulemberamu n'abatwala e Samaliya.

20 Olwayingira mu kibuga, n'asaba MUKAMA nti, "Zibula amaaso
g'abasajja bano, balabe." MUKAMA n'azibula amaaso gaabwe, ne batunula,
laba nga bali mu Samaliya wakati.

21 Awo kabaka wa Isirayiri bwe yabalaba, n'abuuza Erisa nti, "Kitange,
mbatte? Mbatte?"

22 N'amuddamu nti, "Tobatta. Oyinza okutta abo b'owambye n'ekitala
kyo, n'omutego gw'akasaale? Bategekere emmere n'amazzi, balye
n'okunywa banywe, n'oluvannyuma obasindike baddeyo eri mukama
waabwe."

23 N'abateekerateekera embaga nnene, era bwe baamala okulya
n'okunywa, n'abasindika ne baddayo eri mukama waabwe. Abasuuli
okwo kwe baakoma okulumba ensi ya Isirayiri.

### *Enjala egwa mu Kibuga ekizingize, Samaliya*

24 Bwe waayitawoko ebbanga, Benikadadi kabaka w'e Busuuli,
n'akuŋŋaanya eggye lye lyonna, n'alumba n'azingiza Samaliya.

25 Ne waba enjala nnyingi nnyo mu kibuga olw'okuzingiza okwo,
omutwe gw'endogoyi* ne gutundibwanga kilo emu eya ffeeza, n'ekimu
ekyokuna eky'ekibya eky'obusa bw'enjiibwa ne kitundibwanga gulaamu
ataano mu ttaano eza ffeeza.

---

* **6:25** Endogoyi yali etwalibwa okuba nga nsolo etali nnongoofu era nga teriibwa

26 Awo kabaka wa Isirayiri yali ayita okumpi ne bbugwe, omukazi omu n'ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba nti, "Nnyamba mukama wange kabaka!"

27 Kabaka n'amuddamu nti, "MUKAMA bw'ataakuyambe, nze nnaakuyamba ntya? Obuyambi nnaabuggya mu gguuliro oba mu ssogolero?"

28 Era kwe ku mubuuza nti, "Mutawaana ki?"

Omukazi n'amuddamu nti, "Omukazi ono gw'olaba yateesezza nti, 'Waayo omwana wo owoobulenzi tumulye leero, enkya tulye owange.'

29 Ne nzikiriza, ne tufumba owange ne tumulya. Enkeera ne mugamba nti, 'Waayo omwana wo owoobulenzi tumulye,' naye amukwese."

30 Kabaka bwe yawulira ebigambo by'omukazi oyo, n'ayuza ebyambalo bye. Bwe yali ng'atambula ku bbugwe, abantu ne bamulengera, laba ng'ayambadde ebibukutu wansi w'ebyambalo bye.

31 N'ayogera nti, "Katonda ankole bw'atyo n'okusingawo, omutwe gwa Erisa mutabani wa Safati bwe gunaabeera ku bibegabega bye leero!"

32 Mu kiseera kye kimu ekyo, Erisa yali atudde mu nnyumba ye nga n'abakadde batudde wamu naye, kabaka n'atuma omubaka okumukulemberamu, naye omubaka oyo bwe yali tannatuuka, Erisa n'agamba abakadde nti, "Mulaba omutemu oyo bw'atumye omuntu okuntemako omutwe? Laba, omubaka ajja, muggaleewo oluggi mulunyweze so temumukkiriza kuyingira. Ebigere bya mukama we tebiri mabega we, tamuvaako mabega?"

33 Awo Erisa bwe yali ng'akyayogera nabo, omubaka n'atuuka, n'ayogera nti, "Akabi kano kavudde eri MUKAMA. Lwaki nnindirira MUKAMA nate?"

# 7

1 Naye Erisa n'agamba nti, "Muwulire ekigambo kya MUKAMA, kubanga bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti, Jjo obudde nga buno ekigero ky'obutta obulungi ekyenkana lita omusanvu ne desimoolo ssatu kiritundibwa gulaamu kkumi n'emu, n'ebigero bibiri ebya sayiri bitundibwe gulaamu kkumi n'emu ebweru wa wankaaki w'e Samaliya."

2 Awo omukungu kabaka gwe yeesigamangako n'agamba omusajja wa Katonda nti, "MUKAMA ne bw'anakuba ebituli mu ggulu, ekyo tekiyinzika kubaawo." Erisa n'amuddamu nti, "Ekyo olikiraba n'amaaso go, naye tolibaako na kimu ky'olyako ku byo."

## *Abasuuli Badduka*

3 Waaliwo abasajja bana abaagengewala* abaabeeranga ku mulyango gwa wankaaki w'ekibuga. Ne bagambagana bokka ne bokka nti, "Kiki ekitutuuza wano okutuusa okufa?

4 Bwe tunaagamba nti, 'Tuyingire mu kibuga,' enjala gy'eri, era tunaafiirayo; ate bwe tusigala wano, era nawo tujja kufiirawo. Noolwekyo tulage mu nkambi y'Abasuuli, bwe banaatusaasira, tunaaba balamu, bwe banaatutta, kale kinaaba bwe kityo."

5 Awo ekiro mu ttumbi ne bagolokoka ne balaga mu lusiisira lw'Abasuuli. Naye bwe baatuuka mu kitundu ekisembayo eky'olusiisira, tewaali muntu n'omu.

* **7:3** Abagenge baali tebateekwa kuliraana muntu yenna okuggyako bagenge bannaabwe (Lv 13:46)

6 Mukama yalowozesa eggye ly’Abasuuli nti kabaka wa Isirayiri yali apangisizza bakabaka b’Abakiiti n’ab’Abamisiri okujja okumulwanirira, bwe lyawulira eddoboozi ly’amagaali n’eddoboozi ly’embalaasi.

7 Ne bagolokoka ne badduka okuva mu nkambi yaabwe amatumbibudde ne baleka awo eweema zaabwe, n’embalaasi zaabwe n’endogoyi zaabwe, ne badduka okuwonya obulamu bwabwe.

8 Abagenge bwe baatuuka ku nkambi w’ekoma, ne bayingira mu emu ku weema, ne balya ne banywa era ne beetikka n’effeeza ne zaabu n’engoye, ne bagenda ne babikweka. N’oluvannyuma ne bakomawo, ne bayingira mu weema endala, ne baggyayo ebyalimu, ne bagenda ne babikweka nabyo.

9 Awo ne bagambagana nti, “Kye tukola si kituufu. Luno olunaku lwa bigambo birungi; bwe tunaasirika ne tulinda okutuusa enkya, tujja kubonerezebwa. Noolwekyo tugende tutegeeze ab’omu nju ya kabaka.”

10 Awo ne bagenda ne bakoowoola abakuumi ba wankaaki w’ekibuga, ne boogera nti, “Twalaze mu nkambi y’Abasuuli ne tutasangayo muntu n’omu okuggyako embalaasi nga zisibiddwa, n’endogoyi nga zisibiddwa, n’eweema nga ziri nga bwe baazirese.”

11 Abakuumi ne balangirira amawulire ago, n’ab’omu lubiri ne bakiwulira.

12 Kabaka n’agolokoka mu kiro ekyo, n’agamba abakungu be nti, “Ka mbategeeze Abasuuli kye bategese okutukola. Bamanyi nga tuli bayala; era bavudde mu nkambi yaabwe ne bagenda okwekweka ku ttale, nga balowooza nti, ‘Mazima ddala bajja kuvaayo, n’oluvannyuma tunaabawamba nga balamu, tulyoke tuyingire mu kibuga.’ ”

13 Awo omu ku bakungu be n’aleeta ekirowoozo nti, “Ffuna abasajja bagende n’embalaasi ttaano ku ezo ezisigaddewo, kubanga bali ng’ekibiina kyonna ekya Isirayiri ekisigaddewo; baliba ng’ekibiina kyonna ekya Isirayiri ekimaliddwawo. Ka tubasindikeyo bagende balabe ekiriyo.”

14 Awo ne balonda abeebagala embalaasi babiri n’embalaasi zaabwe, kabaka n’abatuma okuwondera eggye ly’Abasuuli, ng’abagamba nti, “Mugende mulabe.”

15 Ne babawondera okutuukira ddala ku Yoludaani, ne basanga ng’ekkubo lyonna lijjudde engoye n’ebintu ebirala Abasuuli bye baasuula nga badduka. Awo ababaka ne bakomawo eri kabaka ne bamutegeeza bye baalaba.

### *Okunyaga mu Nkambi y’Abasuuli*

16 Awo abantu ne bafuluma, ne bakaliza olusiisira lw’Abasuuli. Ekigero ky’obutta obulungi ekyenkana lita musanvu ne desimoolo ssatu ne kitundibwa gulaamu kkumi n’emu, n’ebigero bibiri ebya sayiri ne bitundibwa gulaamu kkumi n’emu, ng’ekigambo kya Mukama bwe kyali.

17 Kabaka yali alonze omukungu we oli gwe yeesigamangako, okuvunaanyizibwa wankaaki, abantu ne bamulinnyiririra mu mulyango, n’afa, ng’omusajja wa Katonda bwe yayogera, mu kiseera kabaka bwe yalaga ewuwe.

18 Bwe kityo bwe kyali kubanga omusajja wa Katonda bwe yagamba kabaka nti, “Jjo essaawa nga zino ebigero bibiri ebya sayiri biritundibwa gulaamu kkumi n’emu, n’ekigero ky’obutta obulungi ne kitundibwa gulaamu kkumi n’emu, mu wankaaki ya Samaliya,”

19 omukungu oyo, yaddamu omusajja wa Katonda nti, “Laba, Mukama ne bwaggulawo ebituli eby’omu ggulu, tekiyinzika kubaawo.” Omusajja

wa Katonda n'amugamba nti, "Olikiraba n'amaaso go, naye toliryako na kimu."

20 Era bwe kityo bwe kyali ekyamutuukako, abantu bwe bamulinnyiririra mu wankaaki, n'afa.

# 8

### *Omukyala Omusunammu Addizibwa Ebibye*

1 Mu biro ebyo Erisa n'agamba omukazi gwe yazuukiriza mutabani we nti, "Golokoka ove wano ogende n'ab'omu nnyumba yo bonna mu nsi gy'oliyinza okubeeramu, kubanga MUKAMA alireeta ekyeeya mu nsi okumala emyaka musanvu."

2 Omukazi n'asitukiramu n'akola ng'omusajja wa Katonda bwe yayogera, n'alaga ye n'ab'omu nnyumba ye mu nsi y'Abafirisuuti[*] okumala emyaka musanvu.

3 Oluvannyuma lw'emyaka omusanvu, n'akomawo okuva mu nsi y'Abafirisuuti, n'alaga eri kabaka okumwegayirira addizibwe ekibanja kye n'ennyumba ye.

4 Mu kiseera ekyo kye kimu kabaka yali anyumyamu ne Gekazi omuweereza w'omusajja wa Katonda, nga kabaka amugambye nti, "Ntegeeza ebintu ebikulu byonna Erisa by'akoze."

5 Awo Gekazi bwe yali ng'akyanyumiza kabaka, engeri Erisa bwe yazuukiza abafu, omukazi eyali ne mutabani we, Erisa gwe yazuukiza n'atuuka, okwegayirira kabaka ng'asaba ekibanja kye n'ennyumba ye. Gekazi n'ayogera nti, "Mukama wange kabaka, ono ye mukazi, era ne mutabani we Erisa gwe yazuukiza y'oyo."

6 Awo kabaka bwe yabuuza omukazi, n'amutegeeza nti bwe kyali. N'alyoka alagira omu ku bakungu amutereereze ensonga ze; n'amugamba nti, "Muddize buli kintu kyonna ekikye, n'obusuulu bwonna obwa kuŋŋaanyizibwa okuva mu kibanja kye okuva ku lunaku lwe yakivaamu okutuusa kaakano."

### *Kazayeeri Atta Benikadadi*

7 Erisa n'agenda e Ddamasiko n'asanga Benikadadi kabaka w'e Busuuli ng'alwadde. Kabaka bwe yategeezebwa nti, "Omusajja wa Katonda atuuse mu kitundu,"

8 n'agamba Kazayeeri nti, "Ffuna ekirabo, ogende osisinkane omusajja wa Katonda, weebuuze ku MUKAMA ng'oyita mu ye oba, ndiwona endwadde eno."

9 Kazayeeri n'agenda okusisinkana Erisa, n'amutwalira n'ebirabo eby'engeri zonna okuva e Ddamasiko[†], ku ŋŋamira amakumi ana. N'agenda n'ayimirira mu maaso ge, n'amugamba nti, "Mutabani wo Benikadadi kabaka w'e Busuuli antumye okukubuuza nti, 'Ndiwona endwadde eno?' "

10 Erisa n'amuddamu nti, "Genda omutegeeze nti, 'Ojja kuwona;' naye MUKAMA akimbikulidde nti talirema kufa."

11 N'amutunuulira n'amaaso ag'enkaliriza, okutuusa Kazayeeri bwe yakwatibwa ensonyi, omusajja wa Katonda n'atandika okukaaba.

12 Kazayeeri n'abuuza nti, "Kiki ekikaabya mukama wange?" Erisa n'amuddamu nti, "Kubanga mmanyi obubi bw'olikola Abayisirayiri;

---

[*] **8:2** Ensi y'Abafirisuuti yali njimu nnyo okusinga ensozi za Isirayiri, ate nga n'Abasuuli tebagirumba nnyo nga bwe baalumbanga Isirayiri. [†] **8:9** Ddamasiko kyali kibuga kikulu nga kya byamaguzi nga kisangibwa wakati wa Misiri, Asiya ne Mesopotamiya.

olikuma omuliro ku bigo byabwe, n'otta abavubuka baabwe n'ekitala, n'osesebbulira abaana abato ku ttaka, era n'obaaga n'abakyala abali embuto."

13 Awo Kazayeeri n'addamu nti, "Nze ani omuddu wo, embwa obubwa, ayinza okukola ekintu ng'ekyo?" Erisa n'amuddamu nti, "MUKAMA akimbikulidde nti ggwe ogenda okubeera kabaka w'e Busuuli."

14 Awo n'ava mu maaso ga Erisa, n'addayo eri mukama we. Benikadadi n'amubuuza nti, "Erisa yakugambye ki?" Kazayeeri n'amuddamu nti, "Yaŋŋambye nti eky'amazima ojja kuwona."

15 Naye olunaku olwaddirira, enkeera, n'addira ekiwero ekinene, n'akinnyika mu mazzi, n'akibikka ku maaso ga kabaka, okutuusa bwe yafa. N'oluvannyuma Kazayeeri n'alya obwakabaka mu kifo kye.

### *Yekolaamu, Kabaka wa Yuda*

16 Mu mwaka ogwokutaano nga Yolaamu mutabani wa Akabu ye kabaka wa Isirayiri, Yekolaamu mutabani wa Yekosafaati, kabaka wa Yuda, n'atandika okufuga Yuda.

17 Yalina emyaka amakumi asatu mu ebiri, we yaliira obwakabaka, era n'afugira emyaka munaana mu Yerusaalemi.

18 Yekolaamu n'atambulira mu makubo ga bassekabaka ba Isirayiri ng'ab'ennyumba ya Akabu bwe baakola, n'okuwasa n'awasa omu ku bawala ba Akabu. N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA.

19 Naye MUKAMA n'atazikiriza Yuda, ku lwa Dawudi omuddu we, gwe yasuubiza nti alireka ettabaaza ye ng'eyaka n'okutuusa ku bazzukulu be emirembe gyonna.

20 Mu mirembe gya Yekolaamu, Edomu ne bajeemera obufuzi bwa Yuda, ne bassaawo kabaka owaabwe.

21 Awo Yekolaamu‡ n'asomoka n'agenda e Zayiri n'amagaali ge, n'agolokoka mu kiro n'abaduumizi be ne batta Abayedomu abaali bamuzingizza, olwo eggye lye ne lidduka okuddayo ewaabwe.

22 Okuva mu kiseera ekyo Edomu n'ajeemera obufuzi bwa Yuda n'okutuusa ku lunaku lwa leero. Mu kiseera kye kimu ab'e Libuna nabo ne bajeema.

23 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo ku mulembe gwa Yekolaamu, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?

24 Yekolaamu n'afa n'aziikibwa ku biggya bya bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi. Akaziya mutabani we n'amusikira.

### *Akaziya, Kabaka wa Yuda*

25 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri nga Yolaamu mutabani wa Akabu ye kabaka wa Isirayiri, Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda, n'atandika okufuga Yuda.

26 Akaziya yalina emyaka amakumi abiri mu ebiri we yaliira obwakabaka, n'afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Erinnya lya nnyina ye yali Asaliya§, muzzukulu wa Omuli kabaka wa Isirayiri.

27 N'atambulira mu makubo ga b'ennyumba ya Akabu n'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ng'ab'omu nnyumba ya Akabu bwe baakola, kubanga yali mukoddomi wa nnyumba ya Akabu.

---

‡ **8:21** Yekolaamu ye Yolaamu § **8:26** Mukazi wa Yolaamu ye yali Asaliya, ate era nga muwala wa Akabu

28 Akaziya n'agenda ne Yolaamu mutabani wa Akabu okutabaala Kazayeeri kabaka w'e Busuuli e Lamosugireyaadi, era eyo Abasuuli ne bafumitirayo Yolaamu, n'afunirayo ebiwundu.
29 Awo kabaka Yolaamu n'addayo e Yezuleeri okumujjanjaba ebiwundu Abasuuli bye baamuleetako ng'ali e Lama, bwe yali ng'alwanagana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli. Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n'aserengeta e Yezuleeri okulaba ku Yolaamu mutabani wa Akabu, kubanga yali afumitiddwa ebiwundu.

# 9

1 Nnabbi Erisa n'ayita omu ku bannabbi abato n'amugamba nti, "Weesibe ekimyu, otwale eccupa eno ey'amafuta, ogende nayo e Lamosugireyaadi.
2 Bw'otuuka eyo, onoonye Yeeku mutabani wa Yekosafaati, muzzukulu wa Nimusi, omuggye mu banne, omutwale mu kisenge eky'omunda.
3 Oddire eccupa ey'amafuta, ogafuke ku mutwe gwe, oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti: Nkufukako amafuta okuba kabaka wa Isirayiri.' Oluvannyuma oggulewo oluggi odduke, so tolwawo n'akatono."
4 Awo omuvubuka nnabbi n'agenda e Lamosugireyaadi.
5 Bwe yatuuka, n'asanga ng'abaserikale abakulu ab'omu ggye bakuŋŋaanye n'ayogera nti, "Nnina obubaka bwo, ssebo omuduumizi." Yeeku n'amubuuza nti, "Bw'ani ku ffe ffenna?" N'amuddamu nti, "Bubwo, ggwe omuduumizi."
6 Yeeku n'asituka n'ayingira mu nnyumba, nnabbi n'amufukako amafuta, n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti, 'Nkufukako amafuta okuba kabaka w'abantu ba MUKAMA, Abayisirayiri.
7 Olizikiriza ennyumba ya Akabu mukama wo, nga mpalana eggwanga olw'omusaayi gw'abaddu ba MUKAMA bonna, Yezeberi gwe yayiwa.
8 Ennyumba yonna eya Akabu erisaanyizibwawo, era ndizikiririza ddala buli mwana wabulenzi, oba muddu oba wa ddembe mu Isirayiri.
9 Ndifuula ennyumba ya Akabu okuba ng'ennyumba ya Yerobowaamu mutabani wa Nebati, era n'okufaanana ng'ennyumba ya Baasa mutabani wa Akiya.
10 N'embwa ziririira Yezeberi mu kibanja eky'e Yezuleeri era tewaliba muntu n'omu amuziika.' " Oluvannyuma olw'okwogera ebyo n'aggulawo oluggi n'adduka.
11 Yeeku bwe yafuluma okugenda eri bakungu banne, omu ku bo n'amubuuza nti, "Kiri bulungi? Omulalu oyo abadde akunoonyeza ki?"
Yeeku n'addamu nti, "Omusajja mumumanyi n'enjogera ye mugimanyi."
12 Ne bamugamba nti, "Ekyo si kituufu! Tutegeeze amazima." Yeeku n'ayogera nti, "Bw'ati bw'aŋŋambye nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti nkufukako amafuta okuba kabaka wa Isirayiri.' "
13 Ne banguwa okuggyako eminagiro gyabwe, ne bagyaliira wansi ku madaala, ne bafuuwa ekkondeere, nga bwe baleekaana nti, "Yeeku ye kabaka."

### *Yeeku atta Yolaamu ne Akaziya*

14 Awo Yeeku mutabani wa Yekosafaati, muzzukulu wa Nimusi n'asalira Yolaamu olukwe. Yolaamu wamu ne Isirayiri yenna baali bakuuma e Lamosugireyaadi, Kazayeeri kabaka w'e Busuuli aleme okubalumba.

15 Naye Yolaamu yali azeeyo e Yezuleeri okujjanjabibwa ebiwundu Abasuuli bye baali bamutaddeko, mu kulwanagana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli. Yeeku n'ayogera nti, "Bwe muba nga bwe mutyo bwe muwulira, kale waleme okubaawo omuntu yenna atoloka okuva mu kibuga anaabunyisa amawulire mu Yezuleeri."

16 N'alinnya mu ggaali lye, n'agenda e Yezuleeri, kubanga Yolaamu yali awummulidde eyo, nga ne Akaziya aserengese okugenda okumulabako.

17 Awo omukuumi eyali mu kigo mu Yezuleeri, bwe yalengera ekibinja kya Yeeku nga kijja, n'akoowoola mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba nti, "Waliwo ekibinja kye nnengera ekijja."

Yolaamu n'alagira nti, "Mufune omu ku beebagala embalaasi, mumutume agende abasisinkane, ababuuze nti, 'Mujja mirembe?' "

18 Awo eyeebagala embalaasi n'agenda okusisinkana Yeeku, n'amugamba nti, "Kabaka abuuza nti, 'Mujja mirembe?' "

Yeeku n'amuddamu nti, "Emirembe ogifaako ki? Kyuka odde ennyuma wange ongoberere." Omukuumi eyali mu kigo n'ayogera nti, "Atuuse gye bali, naye tadda."

19 Awo kabaka n'atuma eyeebagala embalaasi owookubiri. Bwe yatuuka we baali, n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera kabaka nti, 'Mujja mirembe?' "
Yeeku n'amuddamu nti, "Emirembe ogifaako ki? Kyuka odde ennyuma wange ongoberere."

20 Omukuumi n'addamu n'ayogera nti, "Oli naye atuuse, gye bali, naye tadda. N'enneebagala y'embalaasi efaanana ng'enneebala ya Yeeku muzzukulu wa Nimusi, kubanga enneebagala ye yakiralu."

21 Yolaamu n'ayogera nti, "Muteeketeeke eggaali lyange." Bwe baamala okuliteekateeka, Yolaamu kabaka wa Isirayiri ne Akaziya kabaka wa Yuda, ne bafuluma ekibuga, buli omu ng'ali mu ggaali lye, ne bagenda okusisinkana Yeeku, era baamusisinkanira mu nnimiro eyali eya Nabosi Omuyezuleeri.

22 Awo Yolaamu bwe yalaba Yeeku, n'amubuuza nti, "Ojja mirembe Yeeku?" Yeeku n'amuddamu nti, "Kiyinzika kitya okubaawo emirembe, nga wakyaliwo obwenzi n'obulogo bwa nnyoko Yezeberi?"

23 Amangwago Yolaamu n'akyusa n'adduka, ng'akoowoola Akaziya ng'agamba nti, "Akaziya waliwo olukwe!"

24 Awo Yeeku n'aggyayo omutego gwe n'obusaale bwe, n'amaanyi ge gonna n'anaanuula omutego n'alasa Yolaamu mu kibegabega, akasaale ne kafumita omutima gwe, n'agwa mu ggaali lye.

25 Yeeku n'agamba Bidukali, omugoba we ggaali lye nti, "Mumuggyeemu, mumusuule mu nnimiro eyali eya Nabosi Omuyezuleeri. Ojjukira bwe twali tuvugira amagaali gaffe emabega wa Akabu kitaawe, MUKAMA n'ayogera nti ekintu kino kirimutuukako.

26 'Mazima ddala, nga jjo bwe nnalabye omusaayi gwa Nabosi n'omusaayi gw'abaana be, siireme kukusasulira mu kibanja kino kyennyini,' bw'ayogera MUKAMA. Kaakano mumusitule mumusuule mu kibanja ekyo ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kiri."

27 Awo Akaziya kabaka wa Yuda bwe yalaba ebyabaawo, n'addukira mu kkubo ery'omu nnyumba ey'ennimiro. Yeeku n'amugoba, nga bw'ayogerera waggulu nti, "Naye mumutte!" Ne bamulasa, ne bamuleetako ekiwundu ng'addukira e Guli ekiriraanye Ibuleamu, ng'ali mu ggaali lye, naye n'asobola okutuuka e Megiddo, era eyo gye yafiira.

28 Abaddu be ne bateeka omulambo gwe mu ggaali ne bagutwala e Yerusaalemi, ne bamuziika mu ntaana ye ku biggya bya bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi.

29 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu ogw'obufuzi bwa Yolaamu mutabani wa Akabu, Akaziya n'atandika okufuga Yuda.

### *Okufa kwa Yezeberi*

30 Yeeku n'agenda Yezeberi gye yali, Yezeberi n'akimanya, n'asiiga amaaso ge, n'alongoosa enviiri ze, n'atunula ebweru ng'asinziira mu ddirisa.

31 Awo Yeeku bwe yali ng'ayingirira mu wankaaki, Yezeberi n'amubuuza nti, "Ojja mirembe, ggwe Zimuli, eyatemula mukama wo?"

32 Yeeku n'ayimusa amaaso ge waggulu, n'akoowoola ng'abuuza nti, "Ani ali ku ludda lwange? Ani?" Abalaawe babiri oba basatu ne balingiza mu ddirisa.

33 N'ayogera nti, "Mumusuule wansi!" Ne bamusuula wansi, n'omusaayi gwe ogumu ne gumansukira ekisenge ne ku mbalaasi, n'okumulinyirira ne zimulinnyirira.

34 Awo Yeeku n'ayingira, n'alya era n'anywa. N'ayogera nti, "Mulabirire omulambo gw'omukazi oyo eyakolimirwa, era mulabe nga guziikibwa kubanga yali mumbejja."

35 Naye bwe bagutuukako, tebaalina kye basangawo okuggyako akawanga ke, n'ebigere bye, n'ebibatu by'emikono gye.

36 Ne baddayo eri Yeeku ne bamutegeeza. N'abagamba nti, "Kino kye kigambo kya MUKAMA, kye yayogerera mu muddu we Eriya Omutisubi ng'agamba nti, 'Mu kibangirizi ky'e Yezuleeri, embwa mwe ziririira omulambo gwa Yezeberi.

37 Era omulambo gwa Yezeberi guliba ng'obusa ku ttale mu kibangirizi ky'e Yezuleeri, omuntu yenna aleme okugamba nti, Ono ye Yezeberi.' "

# 10

### *Ezadde lya Akabu Littibwa*

1 Mu Samaliya waaliyo batabani ba Akabu nsanvu. Awo Yeeku n'awandiika amabaluwa n'agaweereza e Samaliya* eri abakungu b'e Yezuleeri, n'eri abakadde ab'ekibuga, n'eri abakuza b'abaana ba Akabu. N'awandiika nti,

2 "Amangwago ng'ebbaluwa eno ebatuuseeko, ng'abaana ba mukama wammwe bwe bali nammwe, ate nga mulina amagaali n'embalaasi, era n'ekibuga kiriko enkomera n'ebyokulwanyisa,

3 mulonde ku batabani ba mukama wammwe asinga obulungi, ng'asaanira, mumuteeke ku ntebe ey'obwakabaka eya kitaawe, mulwanirire ennyumba ya mukama wammwe."

4 Naye ekyo ne bakitya nnyo, ne boogera nti, "Obanga bakabaka ababiri† tebaayinza kumwesimbamu, ffe tunaayinza tutya?"

5 Awo eyavunaanyizibwanga ebyolubiri, n'omukulembeze ow'ekibuga, n'abakuza ab'abaana ne baweereza obubaka eri Yeeku nti, "Ffe tuli baddu bo era tunaakola byonna by'onootulagira. Tetujja kufuula muntu n'omu kabaka; gw'oba okola ky'olowooza nga kye kisinga obulungi."

---

* **10:1** Samaliya kye kyali ekibuga ekikulu eky'Obwakabaka obw'omu Bukiikakkono, okuva mu biro bya kabaka Omuli (1Bk 16:24). † **10:4** Bakabaka ababiri aboogerwako wano be ba Yolaamu ne Akaziya (9:22-28).

6 Awo Yeeku n'abawandiikira ebbaluwa eyookubiri ng'agamba nti, "Obanga muli ku lwange era nga muŋŋondera, mutemeeko emitwe gy'abatabani ba mukama wammwe, mugindetere e Yezuleeri, mugintuseeko enkya mu kiseera nga kino."

Abalangira ensanvu baabeeranga n'abakuza baabwe abaali abaami abakulu mu kibuga ekyo.

7 Ebbaluwa bwe yabatuukako, ne bakwata abalangira ensanvu bonna ne babatta, ne bateeka emitwe gyabwe mu bisero, mwe baagiweerereza eri Yeeku e Yezuleeri.

8 Omubaka n'agenda n'agamba Yeeku nti, "Emitwe gy'abalangira bagireese." Yeeku n'alagira nti, "Mugituume entuumo bbiri ku mulyango gwa wankaaki okutuusa enkya."

9 Yeeku n'afuluma, n'ayimirira mu maaso g'abantu bonna n'ayogera nti, "Mmwe temuliiko musango, era nze nasalira mukama wange olukwe ne mutta, naye ani asse bano bonna?

10 Kale mukitegeere nga tewali kigambo kya MUKAMA, kye yayogera ku nnyumba ya Akabu ekitalituukirira, kubanga MUKAMA akoze ekyo kye yayogerera mu muddu we Eriya."

11 Bw'atyo Yeeku n'atta ab'enju ya Akabu bonna abaali basigaddewo mu Yezuleeri; n'atta n'abakungu be, ne mikwano gye enfirabulago, ne bakabona be, obutalekaawo n'omu.

12 Awo Yeeku n'asitula n'ayolekera Samaliya. N'asisinkana baganda ba Akaziya kabaka wa Yuda mu kkubo okumpi n'ennyumba eyasalirwangamu endiga ebyoya,

13 n'ababuuza nti, "Mmwe b'ani?" Ne bamuddamu nti, "Tuli baganda ba Akaziya, era tuzze okulamusa abaana ba kabaka n'abaana ba nnamasole."

14 N'alagira nti, "Mubakwate." Ne babakwata, abasajja amakumi ana mu babiri bonna ne babattira kumpi n'obunnya obw'ennyumba gye baasalirangamu endiga ebyoya. N'atalekaawo n'omu.

15 Eyo bwe yavaayo, n'asanga Yekonadabu mutabani wa Lekabu‡ ng'ajja okumusisinkana. Yeeku n'amulamusa, n'amubuuza nti, "Ossa kimu nange, nga nze bwe nzisa ekimu naawe?"

Yekonadabu n'addamu nti, "Weewaawo." Yeeku n'amugamba nti, "Obanga weewaawo, mpa omukono gwo." N'amuwa omukono gwe, Yeeku n'amulinnyisa gy'ali mu ggaali.

16 Yeeku n'amugamba nti, "Jjangu tugende ffembi olabe obunyiikivu bwange eri MUKAMA." Awo n'atambulira wamu naye mu ggaali lye.

17 Awo Yeeku bwe yatuuka e Samaliya, n'atta bonna abaali basigaddewo ab'omu nnyumba ya Akabu, n'abazikiriza ng'ekigambo kya MUKAMA kye yayogera eri Eriya bwe kyali.

### *Okuttibwa kw'Abaweereza ba Baali*

18 Awo Yeeku n'akuŋŋaanya abantu bonna, n'abagamba nti, "Akabu yaweerezaako Baali ebbanga ttono naye Yeeku anaamuweereza okusingawo.

19 Kale nno muyite bannabbi bonna aba Baali, bakabona be bonna, n'abaweereza be bonna, waleme okubulawo n'omu kubanga ŋŋenda okuwaayo ssaddaaka enkulu ennyo eri Baali, ne buli ataabeerewo alittibwa." Naye okukola ekyo, Yeeku yasala lukwe alyoke azikirize abaasinzanga Baali.

‡ **10:15** Abalekabu bazzukulu ba Lekabu, ate era bazzukulu ba Yesero; baawangaala okutuusa mu biro bya Yeremiya (Yer 35:6, 8). Baanyiikira nnyo okusinza MUKAMA ate nga balunzi

20 Yeeku n'alagira nti, "Mukole olukuŋŋaana olutukuvu eri Baali." Ne
balulangirira.
21 Awo n'aweereza obubaka okubuna Isirayiri yonna, abaweereza
ba Baali bonna ne bajja, n'okusigala n'etasigala muntu n'omu. Ne
bakuŋŋaanira mu ssabo lya Baali§, ne lijjulira ddala okuva ku luuyi olumu
okutuukira ddala ku luuyi olulala.
22 Yeeku n'agamba eyavunaanyizibwanga ebyambalo byabwe nti,
"Leetera abaweereza ba Baali bonna ebyambalo." Bonna n'abaleetera
ebyambalo.
23 Awo Yeeku ne Yekonadabu mutabani wa Lekabu ne bagenda mu
ssabo lya Baali. Yeeku n'agamba abaweereza ba Baali nti, "Mwetegereze
nnyo mulabe nga mu mmwe temuliimu muweereza wa MUKAMA, wabula
abasinza Baali bokka."
24 Ne bayingira okuwaayo ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa. Naye
Yeeku yali atadde abasajja kinaana ebweru w'essabo, ng'abalabudde nti,
"Omuntu yenna anaataako n'omu ku basajja abo be ntadde mu mikono
gyammwe, anaaliwa n'obulamu bwe ye."
25 Amangwago bwe yamala okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa,
n'alagira abaserikale n'abaami nti, "Muyingire mubatte; waleme oku-
wonawo n'omu." Bwe baamala okubatta n'ekitala, ne basuula emirambo
gyabwe ebweru, ne bayingira munda mu ssabo ekkulu erya Baali.
26 Ne bafulumya empagi ezaali mu ssabo lya Baali, ne bazookya.
27 Ne bamenyaamenya empagi ya Baali, ne bamenyaamenya ne ssabo
lya Baali, ne balifuula kabuyonjo ne leero.
28 Awo Yeeku n'amalirawo ddala okusinza kwa Baali mu Isirayiri.
29 Naye teyaleka kukola ebibi ebya Yerobowaamu mutabani wa Nebati,
bye yayonoonyesa Isirayiri, ng'okusinza ennyana eza zaabu ezaali mu
Beseri ne mu Ddaani.
30 MUKAMA n'agamba Yeeku nti, "Olw'okukola obulungi n'otuukiriza
byonna mu maaso gange, n'okola ennyumba ya Akabu byonna ebyali ku
mutima gwange bye nnali nteeseteese okukola, bazzukulu bo kyebaliva
batuula ku ntebe ey'obwakabaka eya Isirayiri okutuusa ku muzzukulu
owa nnakana."
31 Naye Yeeku n'atassaayo mwoyo okutambulira mu mateeka ga
MUKAMA Katonda wa Isirayiri. Era teyakyuka okuva mu kkubo ery'ebibi
erya Yerobowaamu, lye yayonoonyesa Isirayiri.
32 Mu biro ebyo MUKAMA n'atandika okukendeeza ensalo za Isirayiri.
Kazayeeri n'abawangula ng'atandikira
33 ku luuyi olw'ebuvanjuba mu nsi ey'e Gireyaadi mu bitundu
eby'Abagaadi, n'Abalewubeeni, n'Abamanase okuva ku Aloweri okuli-
raana ekiwonvu kya Alunoni n'okuyita e Gireyaadi okutuuka e Basani.
34 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yeeku,
n'ebintu byonna ebikulu bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo
eky'ebyomumirembe egya bassekabaka ba Isirayiri?
35 Yeeku n'afa, n'aziikibwa mu Samaliya, Yekoyakaazi mutabani we
n'amusikira.
36 Ebbanga Yeeku lye yafuga Isirayiri mu Samaliya lyali emyaka
amakumi abiri mu munaana.

# 11

*Asaliya ne Yekoyaasi*

§ **10:21** Akabu ye yazimba essabo lya Baali (1Bk 16:32)

1 Awo Asaliya nnyina Akaziya bwe yalaba mutabani we ng'afudde, n'atandika okusaanyaawo olulyo olulangira lwonna.

2 Naye omumbejja Yekoseba muwala wa kabaka Yolaamu mwannyina Akaziya n'abba Yekoyaasi[*] n'amuggya mu balangira abaali bagenda okuttibwa, n'abateeka ye n'omukuza we mu kisenge ekimu ng'abakweka Asaliya, era Yekoyaasi n'atattibwa.

3 N'abeera mu yeekaalu ya Mukama n'omukuza we okumala emyaka mukaaga, Asaliya nga y'afuga ensi.

4 Mu mwaka ogw'omusanvu Yekoyaada n'atumya abaduumizi ab'ebibinja by'ekikumi, ab'oku Bakali n'abakuumi, ne babaleeta gy'ali mu yeekaalu ya Mukama. N'alagaana nabo endagaano, n'abalayiriza mu yeekaalu ya Mukama, n'oluvannyuma n'abalaga mutabani wa kabaka.

5 N'abawa ebiragiro bino nti, "Kino kye muteekwa okukola: kimu kya kusatu ku kibinja ekikuuma ku ssabbiiti, kye kinaakuumanga olubiri lwa kabaka,

6 n'ekimu kya kusatu ekirala ne kikuuma Omulyango Suuli, n'ekimu kya kusatu ekirala ne kikuuma emanju w'omulyango ewabeera abakuumi abakuuma yeekaalu mu mpalo;

7 n'ebibiina byammwe ebibiri ebitatera kukuuma ku ssabbiiti, mwenna mugenda kuvunaanyizibwa okukuuma yeekaalu ya Mukama ku lwa kabaka.

8 Era muneetooloola kabaka enjuuyi zonna, buli muntu ng'akutte ebyokulwanyisa bye mu mukono gwe, ne buli anaŋŋaanga okubasemberera attibwe. Mukuumenga kabaka butiribiri, bw'anaafulumanga ne bw'anaayingiranga."

9 Abaduumizi ab'ebibinja b'ekikumi ne bakola byonna nga Yekoyaada kabona bwe yalagira, buli omu n'afuna abasajja be, abaali ab'okukola ku ssabbiiti, n'abaali bamaze oluwalo lwabwe, ne bajja eri Yekoyaada kabona.

10 Kabona n'awa abaduumizi amafumu n'engabo ebyali ebya kabaka Dawudi, ebyali mu yeekaalu ya Mukama,

11 buli mukuumi n'ayimirira n'ebyokulwanyisa bye nga beetoolodde kabaka enjuuyi zonna, okuliraana ekyoto ne yeekaalu okuva ku luuyi olw'obukiikaddyo okutuuka ku luuyi olw'obukiikakkono.

12 Awo Yekoyaada n'afulumya mutabani wa kabaka, n'amutikkira engule, n'amuwa n'endagaano gye baali bakoze, ne bamufuula kabaka. N'afukibwako amafuta, abantu ne bakuba mu ngalo nga bwe bayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Wangaala kabaka!"

13 Asaliya bwe yawulira oluyoogaano lw'abakuumi n'olw'abantu, n'alaga eri abantu ku yeekaalu ya Mukama.

14 Bwe yatunula, laba, nga kabaka ayimiridde awali empagi, ng'empisa bwe yabanga, n'abaami n'abafuuwa amakondeere nga bayimiridde okuliraana kabaka, n'abantu bonna ab'omu nsi nga basanyuka era nga bwe bafuuwa amakondeere. Awo Asaliya n'ayuza ebyambalo bye, n'aleekaanira waggulu nti, "Bujeemu, bujeemu!"

15 Amangwago Yekoyaada kabona n'alagira abaduumizi ab'ebibinja b'ekikumi, abaali bakulira eggye nti, "Mumufulumye wakati w'ennyiriri, na buli amugoberera mumutte n'ekitala." Kabona yali agambye nti, "Temumuttira mu yeekaalu ya Mukama."

---

[*] **11:2** Yekoyaasi yali tannaweza mwaka gumu, nga n'okuggibwa ku mabeere tannaggibwako (lunny 31; 12:1)

16 Ne bakwata Asaliya, ng'anaatera okuyita mu mulyango gw'embalaasi
w'eziyingira mu luggya lw'olubiri, ne bamuttira awo.
17 Awo Yekoyaada n'akola endagaano ne MUKAMA, ne kabaka n'abantu,
nti banaabeera abantu ba MUKAMA, era n'akola n'endagaano ne kabaka
n'abantu.
18 Abantu bonna ab'omu nsi ne bagenda ku ssabo lya Baali ne
balimenyaamenya; ne bamenyaamenya ebyoto n'ebifaananyi, era ne
battira Matani kabona wa Baali mu maaso g'ebyoto ebyo.
Yekoyaada kabona n'ateekawo abakuumi ku yeekaalu ya MUKAMA.
19 Awo n'alaga n'abaduumizi ab'ebibinja b'ekikumi, n'Abakali,
n'abakuumi, n'abantu bonna ab'omu nsi ku yeekaalu, n'aggyayo kabaka
mu yeekaalu ya MUKAMA n'amutwala mu lubiri ng'ayita mu mulyango
ogw'abakuumi. Kabaka n'atuula ku ntebe ey'obwakabaka,
20 abantu bonna ab'omu nsi ne bajaguza, n'ekibuga n'ekitereera,
kubanga Asaliya yali attiddwa n'ekitala okumpi n'olubiri.
21 Yekoyaasi yali aweza emyaka musanvu bwe yatandika okufuga.

# 12

### *Yekoyaasi Addaabiriza Yeekaalu*

1 Mu mwaka ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa Yeeku, Yekoyaasi, nnyina
nga ye Zebbiya ow'e Beeruseba, n'atandika okuba kabaka, n'afugira
emyaka amakumi ana mu Yerusaalemi.
2 Yekoyaasi n'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, ebbanga lyonna,
kubanga Yekoyaada kabona ye yamuyigirizanga.
3 Wabula, ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo, n'abantu ne beey-
ongeranga okuwaayo ssaddaaka n'okwoterezanga obubaane ku bifo ebyo.
4 Awo Yekoyaasi n'agamba bakabona nti, "Mukuŋŋaanye ensimbi zonna
ezireetebwa ng'ebiweebwayo ebitukuzibwa mu yeekaalu ya MUKAMA,
ensimbi ez'omusolo buli muntu z'awaayo, n'ensimbi buli muntu z'awaayo
ng'endobolo mu yeekaalu, n'ensimbi buli muntu ze yeesalira kyeyagalire,
n'azireeta mu yeekaalu ya MUKAMA,
5 n'oluvannyuma buli kabona addire ezo z'akuŋŋaanyizza aziweeyo
okuddaabiriza buli aweetaagisa ku yeekaalu."
6 Naye oluvannyuma lw'emyaka amakumi abiri mu esatu egy'obufuzi
bwa kabaka Yekoyaasi, bakabona ne baba nga tebannaddaabiriza
yeekaalu.
7 Awo kabaka Yekoyaasi* n'atumya Yekoyaada kabona asinga
obukulu ne bakabona abalala, n'ababuuza nti, "Kiki ekibalobera
okuddaabiriza yeekaalu? Kale nno, mulekeraawo okutoola ku nsimbi
ezikuŋŋaanyizibwa, naye muziweeyo olw'okuddaabiriza yeekaalu."
8 Bakabona ne bakkiriziganya obutaddayo kukuŋŋaanya nsimbi ku
bantu, wadde bo bennyini okuvunaanyizibwa okuddaabiriza yeekaalu.
9 Yekoyaada kabona asinga obukulu n'addira essanduuko n'awumula
ekituli mu kisaanikizo kyayo, n'agiteeka ku luuyi olwa ddyo okumpi
n'ekyoto okuliraana n'awayingirirwa. Bakabona abaakuumanga
omulyango ne bateekangamu ensimbi zonna ezaaleetebwanga mu
yeekaalu ya MUKAMA.
10 Awo bwe baalabanga ng'ensimbi ezireeteddwa mu yeekaalu ya
MUKAMA ziweze nnyingi mu ssanduuko, omuwandiisi wa kabaka ne
kabona asinga obukulu ne bajjanga okuzibala n'okuzitereka.

* **12:7** Mu kiseera kino Yekoyaasi yali wa myaka amakumi asatu

11 N'oluvannyuma ensimbi ezo baazikwasanga abasajja abaali baweereddwa obuvunaanyizibwa okulabiriranga omulimu ogwakolebwanga ku yeekaalu, bo ne basasulanga abakozi, n'abazimbi abaabulijjo, n'abazimbi b'amayinja, n'abatema amayinja, abo bonna nga baddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA.
12 Ate era ku ezo ensimbi kwe baagulanga embaawo, n'amayinja amabajje okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA n'olwebirala ebyetaagisanga mu kuddaabiriza okwo.
13 Ensimbi ezaaleetebwanga mu yeekaalu tezaakozesebwanga kukola bensani eza ffeeza, oba ebisalako ebisirinza, oba ebibya, oba amakondeere wadde ekintu kyonna ekya zaabu oba ffeeza ebyabeeranga mu yeekaalu ya MUKAMA;
14 kubanga baazisasulanga abakozi abaali baddaabiriza yeekaalu.
15 Era kyali tekyetagisa abasajja be baakwasa ensimbi, okulaga enkozesa y'ensimbi ezo kubanga baakolanga n'obwesigwa.
16 Ensimbi ezaavanga mu biweebwayo eby'okulumiriza n'ebiweebwayo olw'ekibi tezaaleetebwanga mu yeekaalu ya MUKAMA, zaabanga za bakabona.
17 Mu biro ebyo Kazayeeri kabaka w'e Busuuli n'alumba ekibuga ky'e Gaasi, n'akiwamba, n'oluvannyuma n'atandika okulumba n'e Yerusaalemi.
18 Naye Yekoyaasi kabaka wa Yuda n'addira ebintu byonna ebyatukuzibwa Yekosafaati, ne Yekolaamu ne Akaziya bajjajjaabe bassekabaka ba Yuda, n'ebirabo bye yali awonze, ne zaabu yonna eyali mu mawanika, n'abiggya mu yeekaalu ya MUKAMA n'abiweereza Kazayeeri kabaka w'e Busuuli. Oluvannyuma Kazayeeri n'alekayo okulumba Yerusaalemi.
19 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yekoyaasi, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
20 Abaami be ne beekobaana, ne bamuttira mu nnyumba ey'e Miiro, ku kkubo eriserengeta e Siiro.
21 Abaali mu lukwe olwo baali Yozakali mutabani wa Simeyaasi ne Yekozabadi mutabani wa Someri, era be baamutta. N'afa n'aziikibwa awali bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi. Amaziya mutabani we n'amusikira.

# 13

*Yekoyakaazi Kabaka wa Isirayiri*

1 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu esatu ogwa Yowaasi mutabani wa Akaziya kabaka wa Yuda, Yekoyakaazi n'afuuka kabaka wa Isirayiri mu Samaliya era n'afugira emyaka kkumi na musanvu.
2 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA ng'akola ebibi Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri, ate n'atabirekaayo.
3 Obusungu bwa MUKAMA ne bubuubuukira ku Isirayiri, n'abawaayo okubeera wansi ow'omukono gwa Kazayeeri kabaka w'e Busuuli ne Benikadadi mutabani we.
4 Awo Yekoyakaazi ne yegayirira MUKAMA, MUKAMA n'amuwulira, era n'alaba okucocca, kabaka w'e Busuuli kwe yacoccanga Isirayiri.
5 MUKAMA n'abaddiramu n'abawa omulokozi, ne bawona obufuzi bw'Abasuuli, n'oluvannyuma Abayisirayiri ne babeeranga mirembe mu nnyumba zaabwe nga bwe baali olubereberye.

6 Naye ne batalekaayo kukola ebibi eby'ennyumba ya Yerobowaamu
bye yayonoonyesa Isirayiri, wabula beeyongeranga bweyongezi okubikola.
N'empagi ey'Asera n'esigalayo mu Samaliya.
7 MUKAMA teyalekerawo ggye lya Yekoyakaazi kintu okuggyako abasajja
abeebagala embalaasi amakumi ataano, n'amagaali kkumi, n'abaserikale
ab'ebigere omutwalo gumu, kubanga kabaka w'e Busuuli yabizikiriza,
n'abifuula ng'enfuufu ey'omu gguuliro.
8 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yekoyakaazi, ne bye
yakola byonna, n'ebyobuzira bwe byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo
eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?
9 Yekoyakaazi n'afa, n'aziikibwa mu Samaliya, Yowaasi mutabani we
n'amusikira.

### *Yekoyaasi Kabaka wa Isirayiri*

10 Awo mu mwaka ogw'amakumi asatu mu omusanvu ogwa Yowaasi
kabaka wa Yuda, Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi n'afuuka kabaka
wa Isirayiri mu Samaliya, era n'afugira emyaka kkumi na musanvu.
11 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, n'atalekaayo ebibi bya Yer-
obowaamu mutabani wa Nebati, bye yayonoonyesa Isirayiri, wabula ne
yeeyongera bweyongezi okubikola.
12 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yekoyaasi, bye yakola
byonna, n'amaanyi ge, nga kwe kuli n'olutalo lwe yalwana ne Amaziya
kabaka wa Yuda, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya
bassekabaka ba Isirayiri?
13 Yekoyaasi n'afa, n'aziikibwa mu Samaliya, Yerobowaamu n'amusikira
okuba kabaka.

### *Okufa kwa Erisa*

14 Awo mu biro ebyo Erisa n'alwala nnyo, endwadde eyamutta,
Yowaasi n'aserengeta gy'ali okumulaba, n'akaabira amaziga, mu maaso
ge ng'agamba nti, "Kitange, Kitange, amagaali n'abeebagala embalaasi aba
Isirayiri!"
15 Erisa n'amuddamu nti, "Ffuna omutego n'obusaale," era n'akola
bw'atyo.
16 N'agamba kabaka wa Isirayiri nti, "Bikwate mu ngalo." Bwe yamala
okukola ekyo, Erisa n'ateeka emikono gye ku gya kabaka.
17 Erisa n'amugamba nti, "Ggulawo eddirisa ery'ebuvanjuba,"
n'aliggulawo. N'amulagira okulasa. Erisa n'ayogera nti, "Akasaale
ka MUKAMA ak'obuwanguzi, akasaale ak'obuwanguzi eri Obusuuli, era
ojja kusaanyizaawo ddala Abasuuli mu Afeki."
18 N'amugamba nti, "Kwata obusaale," n'abukwata. N'agamba kabaka
wa Isirayiri okulasa ettaka. N'alirasa emirundi esatu, n'akoma awo.
19 Omusajja wa Katonda n'amunyiigira, n'amugamba nti, "Wandirasizza
emirundi etaano oba mukaaga, olwo n'olyoka owangulira ddala Abasu-
uli era n'obasaanyaawo. Naye kaakano olibawangula emirundi esatu
gyokka."
20 Erisa n'afa, n'aziikibwa.
Ebibinja by'Abamowaabu byateranga okulumba ensi ku ntandikwa ya
buli mwaka.
21 Awo olwatuuka, Abayisirayiri abamu baali baziika omusajja, ne
balengera ekibinja eky'abasajja nga kijja, ne basuula omulambo gwe mu
ntaana ya Erisa ne badduka. Omulambo gwe bwe gw'akoma ku magumba
ga Erisa omusajja n'alamuka, era n'ayimirira.

22 Mu kiseera kye kimu Kazayeeri kabaka w'e Busuuli n'ajooga Isirayiri ebbanga lyonna Yekoyakaazi we yabeerera kabaka.

23 Naye MUKAMA n'abakwatirwa ekisa n'abasaasira, era n'assaayo omwoyo gye bali olw'endagaano gye yakola ne Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo nti talibazikiririza ddala. N'okutuusa ku lunaku olwa leero tayagalanga kubazikiriza okuva mu maaso ge.

24 Kazayeeri kabaka w'e Busuuli n'afa, Benikadadi mutabani we n'amusikira.

25 Awo Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi n'awamba nate ebibuga Benikadadi mutabani wa Kazayeeri bye yali awambye ku kitaawe Yekoyakaazi mu ntalo. Yowaasi ye n'amuwangula emirundi esatu, era n'akomyawo ebibuga bya Isirayiri ebyali biwambiddwa.

# 14

*Amaziya Kabaka wa Yuda*

1 Mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa Yowaasi mutabani wa Yowakazi kabaka wa Isirayiri, Amaziya mutabani wa Yowaasi ssekabaka wa Yuda n'alya obwakabaka.

2 Yali aweza emyaka amakumi abiri mu etaano weyatandikira okufuga, era n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusaalemi. Nnyina erinnya lye ye yali Yekoyadiini ow'e Yerusaalemi.

3 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, newaakubadde nga tebyenkana bya jjajjaawe Dawudi bye yakola. Mu buli nsonga yonna yagobereranga ekyokulabirako kya Yowaasi kitaawe.

4 Kyokka beeyongeranga okuweerayo ssaddaaka n'okwoterezanga obubaane ku bifo ebigulumivu kubanga byali tebiggyiddwawo.

5 Bwe yalaba ng'obwakabaka bunywezeddwa mu buyinza bwe, n'atta abakungu abaatemula kabaka kitaawe.

6 Wabula teyatta batabani baabwe kubanga mu byawandiikibwa mu Kitabo eky'Amateeka ga Musa, MUKAMA yalagira nti, "Abazadde tebattibwenga ku lw'abaana, so n'abaana tebattibwenga ku lw'abazadde baabwe; buli muntu anaafanga olw'ebibi bye ye."

7 Yawangula ab'e Edomu mu Kiwonvu eky'Omunnyo, era n'atta omutwalo gumu ku bo, n'okuwamba n'awamba Seera* mu lutalo, n'akituuma Yokuseeri, era kye kikyayitibwa ne ku lunaku lwa leero.

8 Awo mu biro ebyo Amaziya n'atumira Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi, muzzukulu wa Yeeku, kabaka wa Isirayiri, obubaka ng'amusosonkereza nti, "Jjangu tulabagane amaaso n'amaaso."

9 Naye Yekoyaasi kabaka wa Isirayiri n'addamu Amaziya kabaka wa Yuda nti, "Omwennyango mu Lebanooni gw'aweereza obubaka eri omuvule mu Lebanooni nga gugamba nti, 'Waayo muwala wo afumbirwe mutabani wange.' Naye ensolo enkambwe eya Lebanooni bwe yali ng'eyitawo n'erinnyirira omwennyango.

10 Kaakano wegulumizza kubanga owangudde Edomu. Wenyumirize mu buwanguzi bwo ewuwo. Lwaki oyagala okweleetera emitawaana, n'okugwa kwo era n'okwa Yuda?"

11 Naye Amaziya teyawuliriza, era ekyavaamu Yekoyaasi kabaka wa Isirayiri n'amulumba. Ne balabagana amaaso n'amaaso mu lutalo e Besusemesi ekya Yuda.

---

* **14:7** Seera kiyitibwa Petula mu Luyonaani, era kye kibuga kya Idumiya ekikulu

12 Yuda n'awangulibwa Isirayiri, buli musajja n'addukira ewuwe.
13 Awo Yekoyaasi kabaka wa Isirayiri n'awambira Amaziya kabaka wa Yuda mutabani wa Yekoyaasi muzzukulu wa Akaziya e Besusemesi; Yekoyaasi ne yeeyongerayo e Yerusaalemi, n'amenyaamenya bbugwe wa Yerusaalemi, obuwanvu mita kikumi mu kinaana, okuva ku wankaaki wa Efulayimu okutuuka ku wankaaki ow'oku Nsonda.
14 N'atwala ezaabu n'effeeza yonna, n'ebikozesebwa byonna ebyali mu yeekaalu ya MUKAMA, n'eby'obugagga ebyali mu lubiri lwa kabaka, era n'abantu n'abatwala nga basibe, n'addayo e Samaliya.

### *Okufa kwa Yekoyaasi*

15 Ebyafaayo ebirala byonna ebyaliwo mu mirembe gya Yekoyaasi, ne bye yakola n'ebyamagero bye, ne bwe yatabaala Amaziya kabaka wa Yuda, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?
16 Yekoyaasi n'afa n'aziikibwa mu Samaliya mu masiro ga bakabaka ba Isirayiri. Mutabani we Yerobowaamu n'amusikira okuba kabaka.

### *Okufa kwa Amaziya*

17 Awo Amaziya mutabani wa Yowaasi n'awangaala emyaka kkumi n'ettaano emirala oluvannyuma lw'okufa kwa Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi kabaka wa Isirayiri.
18 Ebyafaayo ebirala eby'omulembe gwa Amaziya, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
19 Ne bamusalira olukwe olw'okumuttira mu Yerusaalemi, n'addukira e Lakisi, naye ne bamuwerekereza abasajja era ne bamuttira e Lakisi.
20 Ne bakomyawo omulambo gwe ku mbalaasi, era n'aziikibwa ku biggya bya bajjajjaabe mu Yerusaalemi, mu kibuga kya Dawudi.
21 Awo eggwanga lyonna erya Yuda, ne bafuula Azaliya ow'emyaka ekkumi n'omukaaga kabaka, ng'asikira kitaawe Amaziya.
22 Ye yaddaabiriza Erasi era n'azza Yuda obuggya, nga Amaziya amaze okufa.

### *Yerobowaamu II Kabaka wa Isirayiri*

23 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ettaano ogw'obufuzi bwa Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda, Yerobowaamu II mutabani wa Yowaasi ssekabaka wa Isirayiri n'afuuka kabaka mu Samaliya, era n'afugira emyaka amakumi ana mu gumu.
24 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, n'atakyuka okuva mu bibi ebya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri.
25 Yatuukiriza ekigambo kya MUKAMA, Katonda wa Isirayiri kye yayogerera mu muddu we Yona mutabani wa Amitayi nnabbi ow'e Gasukeferi, n'azzaawo ensalo ya Isirayiri okuva ku mulyango gwa Kamasi okutuuka ku Nnyanja ey'Omunnyo.
26 MUKAMA yalaba okubonaabona kwa buli omu mu Isirayiri, omuddu n'atali muddu, nga tewali ayinza ku babeera.
27 Olw'okubanga MUKAMA yali tagambye nti alisaanyaawo erinnya lya Isirayiri wansi w'eggulu, n'atuma Yerobowaamu II mutabani wa Yowaasi okubalokola.
28 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yerobowaamu II, ne byonna bye yakola, ne bwe yalwana entalo n'obuzira, n'engeri gye yakomezaawo Isirayiri Ddamasiko ne Kamasi ebyali ebya Yuda,

tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?
29 Yerobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, bassekabaka ba Isirayiri, Zekkaliya mutabani we n'amusikira okuba kabaka.

# 15

### *Azaliya Kabaka wa Yuda*

1 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu omusanvu ogw'obufuzi bwa Yerobowaamu kabaka wa Isirayiri, Azaliya mutabani wa ssekabaka Amaziya n'alya obwakabaka bwa Yuda*.
2 Yalina emyaka kkumi na mukaaga bwe yatandika okufuga, n'afugira emyaka amakumi ataano mu ebiri mu Yerusaalemi. Erinnya lya nnyina ye yali Yekoliya ow'e Yerusaalemi.
3 Yakola ebyali ebirungi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe Amaziya bwe yali akoze.
4 Wabula ebifo ebigulumivu gye baweeranga ssaddaaka tebyaggibwawo, era abantu beeyongeranga okuweerangayo ssaddaaka n'okwoterezangayo obubaane.
5 Awo MUKAMA n'aleetera kabaka obulwadde n'agengewala†, ennaku ze zonna okutuusa bwe yafa, era n'aggyibwako emirimu egy'obuvunaanyizibwa n'ateekebwa mu nnyumba ey'enjawulo. Azaliya n'asigira Yosamu‡ mutabani we okuvunaanyizibwanga ensonga zonna ez'omu lubiri, era n'afuganga n'abantu ab'omu nsi.
6 Ebyafaayo ebirala byonna ebyabaawo mu mirembe gya Azaliya, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
7 Awo Azaliya n'afa, n'aziikibwa ku biggya bya bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi, Yosamu mutabani we n'amusikira okuba kabaka.

### *Zekkaliya Kabaka wa Isirayiri*

8 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu omunaana ogw'obufuzi bwa Azaliya kabaka wa Yuda, Zekkaliya mutabani wa Yerobowaamu n'alya obwakabaka bwa Isirayiri mu Samaliya, n'afugira emyezi mukaaga.
9 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, nga bajjajjaabe bwe baakola, n'atakyuka okuva mu bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri.
10 Awo Sallumu mutabani wa Yabesi, n'asala olukwe n'amuttira mu lujjudde lw'abantu, era n'alya obwakabaka.
11 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Zekkaliya, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri.
12 Awo ekigambo MUKAMA kye yagamba Yeeku ne kituukirira, era kyali kigamba nti, "Bazzukulu bo balirya obwakabaka bwa Isirayiri okutuusa ku muzzukulu owookuna."
13 Awo Sallumu mutabani wa Yabesi n'atandika okufuga mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogw'obufuzi bwa Uzziya kabaka wa Yuda, era n'afugira omwezi gumu mu Samaliya.

---

* **15:1** Ebyo byabaawo mu mwaka 767 BC. † **15:5** Mu 2By 26:16-21, Katonda yaleeta ku kabaka ebigenge kubanga y'ewa omulimu ogwa bakabona (laba Lv 13:46) ‡ **15:5** Yosamu yafugira mu kiseera ekyo kyennyini Azaliya ng'akyali mulamu.

14 Menakemu mutabani wa Gaadi n'ava e Tiruza n'agenda okulumba Sallumu mutabani wa Yabesi e Samaliya, era n'amutta. Ye n'afuuka kabaka mu kifo kye.

15 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Sallumu, n'olukwe lwe yasala, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri.

16 Mu kiseera ekyo Menakemu n'alumba Tifusa n'azikiriza buli muntu eyalimu, na buli kintu ekyali kikirinaanye ng'atandikira ku nsalo yaakyo ne Tiruza, kubanga tebaamwaniriza. Abakyala abaali embuto nabo n'abatta ng'ababaaga.

### *Menakemu Kabaka wa Isirayiri*

17 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogw'obufuzi bwa Azaliya kabaka wa Yuda, Menakemu mutabani wa Gaadi n'alya obwakabaka bwa Isirayiri, era n'afugira emyaka kkumi mu Samaliya.

18 Yakola ebibi mu maaso ga MUKAMA, era ebbanga lyonna we yabeerera kabaka, n'atakyuka kuleka bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri.

19 Awo Puli§ kabaka w'e Bwasuli n'alumba Isirayiri, naye Menakemu n'amusuubiza okumuwa ttani amakumi asatu mu nnya eza ffeeza ng'amusaba okumuwanirira n'okumunyweza ku ntebe ey'obwakabaka.

20 Menakemu n'asoloozanga ensimbi ku Bayisirayiri, buli musajja omugagga ng'awaayo gulaamu desimoolo mukaaga eza ffeeza, okuwa kabaka w'e Bwasuli. Awo kabaka w'e Bwasuli n'abaviira mu nsi yaabwe.

21 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Menakemu, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri?

22 Menakemu n'afa, Pekakiya mutabani we n'amusikira okuba kabaka.

### *Pekakiya Kabaka wa Isirayiri*

23 Mu mwaka ogw'amakumi ataano ogw'obufuzi bwa Azaliya kabaka wa Yuda, Pekakiya mutabani wa Menakemu n'alya obwakabaka bwa Isirayiri mu Samaliya, era n'afugira emyaka ebiri.

24 Yakola ebibi mu maaso ga MUKAMA, n'atakyuka kuleka bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri.

25 Awo omu ku baserikale be abakulu nga mukulu wa kibinja erinnya lye Peka mutabani wa Lemaliya, ne yeekobaana n'abasajja abalala amakumi ataano Abagireyaadi ne battira Pekakiya wamu ne Alugobu, ne Aliye mu kigo eky'omu lubiri e Samaliya. Peka n'atta Pekakiya, n'alya obwakabaka.

26 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Pekakiya, ne bye yakola byonna, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri.

### *Peka Kabaka wa Isirayiri*

27 Mu mwaka ogw'amakumi ataano mu ebiri ogw'obufuzi bwa Azaliya kabaka wa Yuda, Peka mutabani wa Lemaliya n'alya obwakabaka bwa Isirayiri mu Samaliya, era n'afugira emyaka amakumi abiri.

28 Yakola ebibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isirayiri.

---

§ **15:19** Puli lye linnya lya kabaka w'e Bwasuli era lye yayitibwanga mu Babulooni. Ate era yayitibwanga Tigulasupireseri III; yafugira wakati wa 745 ne 727 BC (Laba 1By 5:26)

29 Mu biro bya Peka kabaka wa Isirayiri, Tigulasupireseri kabaka w'e Bwasuli n'alumba ebibuga: by'e Iyoni, n'e Aberubesumaaka, n'e Yanoa, n'e Kedesi, n'e Kazoli, n'e Gireyaadi n'e Ggaliraaya, n'ensi yonna eya Nafutaali, abantu baayo n'abatwala nga basibe e Bwasuli.

30 Awo Koseya mutabani wa Era n'asala olukwe okutta Peka mutabani wa Lemaliya, n'amulumba era n'amutta, n'alya obwakabaka mu mwaka ogw'amakumi abiri ogw'obwakabaka bwa Yosamu mutabani wa Uzziya.

31 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Peka, ne bye yakola byonna byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isirayiri.

### *Yosamu Kabaka wa Yuda*

32 Mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa Peka mutabani wa Lemaliya, Yosamu mutabani wa Uzziya n'alya obwakabaka bwa Yuda.

33 Yali wa myaka amakumi abiri mu etaano we yatandikira okufuga, era n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusaalemi, ne nnyina erinnya lye nga ye Yerusa muwala wa Zadooki.

34 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe Uzziya bwe yakola.

35 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo, era abantu ne beeyongeranga okuweerangayo ssaddaaka n'okwoterezangako obubaane. Yaddaabiriza n'Omulyango ogw'ekyengulu ogwa yeekaalu ya MUKAMA.

36 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yosamu, ne bye yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?

37 Mu biro ebyo MUKAMA n'atandika okusindikira Yuda abalabe nga Lezini kabaka w'e Busuuli ne Peka mutabani wa Lemaliya.

38 Yosamu n'afa, n'aziikibwa ku biggya bya bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi jjajjaawe, Akazi mutabani we n'amusikira okuba kabaka.

## 16

### *Akazi Kabaka wa Yuda*

1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omusanvu ogw'obufuzi bwa Peka mutabani wa Lemaliya, Akazi[*] mutabani wa Yosamu kabaka wa Yuda, n'atandika okufuga.

2 Akazi yali wa myaka amakumi abiri we yatandikira okufuga, era n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusaalemi. N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA Katonda we, obutafaanana nga jjajjaawe Dawudi.

3 N'atambulira mu ngeri za bassekabaka ba Isirayiri, era n'okuwaayo n'awaayo mutabani we ng'ekiweebwayo, ng'agoberera eby'emizizo eby'amawanga MUKAMA ge yali agobye mu maaso g'Abayisirayiri.

4 N'awangayo ssaddaaka, era n'ayoterezanga n'obubaane ku bifo ebigulumivu, ku nsozi waggulu, ne wansi wa buli muti.

5 Lezini kabaka wa Busuuli ne Peka, mutabani wa Lemaliya kabaka wa Isirayiri ne bambuka okulumba Yerusaalemi ne bazingiza Akazi, naye ne batayinza kumuwangula.

6 Mu kiseera kye kimu, Lezini kabaka wa Busuuli n'agoba abasajja ba Yuda okuva mu Erasi n'akiddiza Abasuuli, era gye babeera ne leero.

7 Awo Akazi n'atuma ababaka eri Tigulasupireseri kabaka w'e Bwasuli, okumugamba nti, "Ndi muddu wo era mutabani wo, nkwegayiridde jjangu

---

[*] **16:1** Akazi yafugira wamu ne kitaawe Yosamu mu 735 BC.

ondokole okuva mu mukono gwa kabaka wa Busuuli; n'okuva mu mukono gwa kabaka wa Isirayiri abannumbye†."

8 Akazi n'aggya effeeza ne zaabu ebyabeeranga mu yeekaalu ya MUKAMA, ne mu mawanika ag'omu lubiri lwa kabaka, n'agiweereza ng'ekirabo eri kabaka w'e Bwasuli.

9 Awo kabaka w'e Bwasuli n'awulira okwegayirira kwe, n'alumba Ddamasiko, n'akiwamba, n'abantu abaabeerangamu n'abaweereza mu buwaŋŋanguse e Kiri, era n'okutta n'atta Lezini.

10 Awo kabaka Akazi n'agenda e Ddamasiko okusisinkana Tigula-supireseri kabaka w'e Bwasuli, era eyo n'alabayo ekyoto ekyali mu Ddamasiko. Amangwago kabaka Akazi n'aweereza Uliya kabona ekifaananyi ky'ekyoto ekyo, n'engeri gye kiteekwa okuzimbibwa.

11 Awo Uliya kabona n'azimba ekyoto, ng'ebiragiro bya kabaka Akazi bye yaweereza okuva e Ddamasiko bwe byali, era n'agimaliriza nga kabaka Akazi tannava Ddamasiko.

12 Kabaka bwe yakomawo okuva e Ddamasiko, n'alaba ekyoto, n'akisemberera era ku kyo n'aweerako ssaddaaka.

13 N'aweerayo ssaddaaka ey'ekyokebwa ne ssaddaaka ey'obutta n'ayiwako ne ssaddaaka ey'ekyokunywa, era n'amansirako omusaayi ogw'ebiweebwayo olw'emirembe ku kyoto.

14 N'aggyawo ekyoto eky'ekikomo ekyabeeranga mu maaso ga MUKAMA mu yeekaalu wakati w'ekyoto kye ne yeekaalu ya MUKAMA, n'akiteeka ku luuyi olw'obukiikaddyo obw'ekyoto kye.

15 Awo kabaka Akazi n'alagira Uliya kabona nti, "Ku kyoto ekinene, weerayo ekiweebwayo ekyokebwa eky'enkya n'ekiweebwayo eky'obutta eky'akawungeezi, eky'okuwaayo ekyokebwa ekya kabaka, n'ekyokuwaayo kye eky'obutta, n'ekyokuwaayo ekyokebwa eky'abantu ab'omu nsi, n'ekiweebwayo kyabwe eky'obutta, n'ekiweebwayo kyabwe ekyokunywa. Omansire ku kyoto omusaayi gwonna ogw'ebiweebwayo ebyokebwa, n'omusaayi gwonna ogwa ssaddaaka. Wabula ekyoto eky'ekikomo kinaabeeranga kyange nga kya kwebuuzaako."

16 Uliya kabona n'akola byonna, nga kabaka Akazi bwe yamulagira.

17 Kabaka Akazi n'atemako emigo gye biyimirirwako, ne bensani n'aziggya kwe zaabeeranga, ate n'aggya n'ennyanja okuva ku nte ennume ez'ekikomo, eza giwaniriranga, n'agiteeka ku mayinja amaliire.

18 N'aggyawo n'ekyabikkanga ku kkubo erya ssabbiiti eryali lizimbiddwa okumpi ne yeekaalu, ate era n'aggyawo n'ekkubo erya kabaka ery'ebweru wa yeekaalu ya MUKAMA, olwa kabaka w'e Bwasuli.

19 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu bufuzi Akazi, ne bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?

20 Awo Akazi n'afa n'aziikibwa ku biggya bya bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi. Keezeekiya mutabani we n'amusikira okuba kabaka.

# 17

*Koseya, Kabaka eyasembayo owa Isirayiri*

1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogw'obufuzi bwa Akazi kabaka wa Yuda, Koseya mutabani wa Era n'afuuka kabaka wa Isirayiri mu Samaliya, n'afugira emyaka mwenda.

† **16:7** Ekikolwa ekyo ekya Akazi kyaleetera Yerusaalemi okuggyibwako obwetwaze bwakyo

2 N’akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, naye tebyenkana nga bassekabaka ba Isirayiri bye baakola.

3 Salumaneseri kabaka w’e Bwasuli n’amulumba, Koseya n’afuuka muddu we era n’amuwanga obusuulu.

4 Naye oluvannyuma kabaka w’e Bwasuli n’akizuula nga Koseya yali amuliddemu olukwe, kubanga yali atumye ababaka ewa So kabaka w’e Misiri, ate nga takyaweereza busuulu ewa kabaka w’e Bwasuli, nga bwe yakolanga buli mwaka. Salumaneseri kyeyava amukwata n’amuteeka mu kkomera.

5 Awo kabaka w’e Bwasuli n’alumba ensi yonna, n’atuuka e Samaliya, n’akizingiriza emyaka esatu.

6 Mu mwaka ogw’omwenda ogwa Koseya, kabaka w’e Bwasuli n’awamba Samaliya, n’atwala Abayisirayiri mu buwaŋŋanguse[*] e Bwasuli, n’abateeka mu Kala, ne mu Kaboli ku mugga ogw’e Gozani, ne mu bibuga eby’Abameedi.

### *Isirayiri Batwalibwa mu Buwaŋŋanguse olw’Ekibi*

7 Bino byonna byabaawo kubanga Abayisirayiri bayonoona mu maaso ga MUKAMA Katonda waabwe, eyali abaggye mu Misiri okuva mu mukono gwa Falaawo, ye kabaka w’e Misiri. Baasinzanga bakatonda abalala,

8 ne bagobereranga empisa za baamawanga MUKAMA ge yali agobye mu maaso gaabwe. Era bagobereranga n’emizizo bassekabaka ba Isirayiri gye baali bataddewo.

9 Abayisirayiri ne bakolanga mu nkizo ebyo ebitaali birungi mu maaso ga MUKAMA. Ne bazimba ebifo ebigulumivu mu bibuga byabwe byonna, okuviira ddala ku minaala omwabeeranga abakuumi okutuuka ku kibuga ekiriko bbugwe.

10 Ne beesimbira empagi ez’amayinja n’eza Baasera, ku buli kasozi akawanvu, ne wansi wa buli muti.

11 Ne bookera obubaane ku buli kifo ekigulumivu ng’amawanga gali MUKAMA ge yali agobye mu maaso gaabwe bwe gaakolanga. Ne bakola ebintu eby’ekivve ne basunguwaza MUKAMA.

12 Ne basinza ebifaananyi, ate nga MUKAMA yali abalagidde nti, “Temukolanga ekyo.”

13 MUKAMA n’alabula Isirayiri ne Yuda ng’akozesa bannabbi n’abalabi nti, “Mukyuke muve mu bibi byammwe, mukuume amateeka gange n’ebiragiro byange, ng’etteeka bwe liri lye nalagira bajjajjammwe, lye nabaweereza nga nkozesa abaddu bange bannabbi.”

14 Naye ne batawuliriza, ne baba bakakanyavu nga bajjajjaabwe bwe baali, abateesiga MUKAMA Katonda waabwe.

15 Ne banyooma ebiragiro n’endagaano gye yali akoze ne bajjajjaabwe, n’okulabula kwe yali abawadde. Ne bagoberera bakatonda abataliimu, ate nabo ne bafuuka ebitagasa. Ne bakola ng’amawanga agaali gabeetoolodde bwe gaakolanga, newaakubadde nga MUKAMA yali abalabudde nti, “Temukolanga ebyo bye bakola.” Ne bakola byonna MUKAMA bye yali abagaanye okukola.

16 Ne bava ku mateeka ga MUKAMA Katonda waabwe gonna, ne baweesa ebifaananyi by’ennyana bibiri, n’empagi ey’Asera, ne basinza n’eggye lyonna ery’omu ggulu era ne basinzanga ne Baali.

---

[*] **17:6** Guno mulundi gwakubiri ng’Abayisirayiri mu bukiikakkono batwalibwa mu buwaŋŋanguse (laba 15:29)

17 Ne bawaayo abaana baabwe aboobulenzi n'aboobuwala
ng'ebiweebwayo mu muliro, ne bakola eby'obufumu n'eby'obulogo,
ne beetunda okukola ebibi mu maaso ga MUKAMA, okumusunguwaza.
18 MUKAMA kyeyava asunguwalira ennyo Isirayiri, n'abagoba mu maaso
ge, n'alekawo ekika kya Yuda kyokka.†
19 Kyokka ne Yuda ne batakuuma mateeka ga MUKAMA Katonda waabwe,
naye ne bagoberera empisa za Isirayiri.
20 MUKAMA kyeyava aleka ezzadde lyonna erya Isirayiri, n'ababonereza,
n'abawaayo mu mikono gy'abanyazi, n'okubagoba n'abagobera ddala
okuva mu maaso ge.
21 Bwe yayawula Isirayiri ku nnyumba ya Dawudi, ne bafuula
Yerobowaamu mutabani wa Nebati kabaka waabwe. Yerobowaamu
n'aleetera Isirayiri okuviira ddala ku mukama, n'abayonoonyesa
n'okusingawo.
22 Abaana ba Isirayiri ne batambulira mu bibi byonna Yerobowaamu
bye yakola, ne batabirekaayo,
23 okutuusa MUKAMA lwe yabaggyira ddala okuva mu maaso ge, nga bwe
yali abalabudde ng'ayita mu baddu be bannabbi. Awo Abayisirayiri ne
batwalibwa mu buwaŋŋanguse mu nsi eya Bwasuli, gye bali ne kaakano.

### *Abayisirayiri Babeera awamu n'Abasuuli*

24 Awo kabaka w'e Bwasuli n'akuŋŋaanya abantu okuva e Babulooni,
Kusa, Ava, Kamasi ne Sefavayimu, n'abaleeta mu bibuga bya Samaliya,
Abayisirayiri mwe baabeeranga, Samaliya ne bakitwalira ddala era ne
babeera mu bibuga byakyo.
25 Ku ntandikwa bwe babeeramu ne batasinza MUKAMA, kyeyava
abasindikira empologoma‡ ne zitta abamu ku bo.
26 Kabaka w'e Bwasuli n'ategeezebwa nti, "Amawanga ge watwala
n'obateeka mu bibuga bya Samaliya tebamanyi tteeka lya Katonda
w'ensi eyo,§ kyeyavudde abasindikira empologoma okubatta, kubanga
tebamanyi Katonda w'ensi kye yeetaaga."
27 Amangwago kabaka w'e Bwasuli n'alagira nti, "Mutumeyo omu ku
bakabona be mwawamba okuva mu Samaliya agende abeere eyo, ayigirize
abantu amateeka ga Katonda w'ensi eyo."
28 Awo omu ku bakabona eyali awaŋŋangusibbwa okuva mu Samaliya
n'agenda n'abeera e Beseri, n'abayigiriza bwe kibagwanira okusinza
MUKAMA.
29 Newaakubadde nga kabona yagendayo, buli ggwanga beekolera
bakatonda baabwe, ne babateeka mu masabo Abasamaliya ge baali
bazimbye ku bifo ebigulumivu mu bibuga byabwe.
30 Abasajja ab'e Babulooni ne bakola Sukkosubenosi, abasajja ab'e Kuusi
ne bakola Nengali, abasajja ab'e Kamasi ne bakola Asima:
31 Abavi ne bakola Nibukazi ne Talutaki, Abasefavayimu ne bookera
abaana baabwe mu muliro, nga babawaayo ng'ebiweebwayo eri Adulam-
mereki ne Anammereki, bakatonda ba Sefavayimu.

† **17:18** Obwakabaka obw'omu Bukiikaddyo baali bazzukulu ba Simyoni ne Benyamini, wabula Yuda ky'ekika kyokka ekyekuuma okutambuliranga mu mateeka ga MUKAMA (laba 1Bk 11:31-32). ‡ **17:25** Mu biro ebyo empologoma zaali zeeyongedde obungi, olw'ekitundu ekyo okuggwaamu abantu (Lv 26:21-22) § **17:26** Kabona oyo eyaliwo mu biseera ebyo, y'omu ku bakabona ab'ennyana eya zaabu Yerobowaamu gye yabumbisa (1Bk 12:31)

32 Baasinzanga MUKAMA, naye ne balonda n'abantu ab'engeri zonna okuva mu bokka ne bokka okuba bakabona, ab'ebifo ebigulumivu, abaabaweerangayo ssaddaaka mu masabo ag'ebifo ebigulumivu.

33 Ne basinzanga MUKAMA, naye nga bwe baweereza ne bakatonda baabwe, ng'empisa ez'amawanga gye baali bavudde bwe zalinga.

34 Ne leero bakyeyisa mu ngeri y'emu. Tebasinza MUKAMA so tebagoberera biragiro n'amateeka MUKAMA bye yalagira bazzukulu ba Yakobo, gwe yatuuma Isirayiri.

35 MUKAMA bwe yakola endagaano n'Abayisirayiri, yabalagira nti, "Temusinzanga bakatonda balala, so temubavuunamiranga so temubaweerezanga, wadde okuwaayo ssaddaaka gye bali.

36 Mwekuumenga okugobereranga ebiragiro n'amateeka, n'etteeka, n'ekiragiro bye yabawandiikira. Temusinzanga bakatonda abalala.

37 Naye musinzanga MUKAMA eyabaggya mu Misiri n'amaanyi amangi n'omukono gwe, gwe yagolola. Oyo ggwe munavuunamiranga era ne muwaayo ssaddaaka eri ye.

38 Temwerabiranga endagaano gye nakola nammwe, era temusinzanga bakatonda abalala.

39 Wabula musinzanga MUKAMA Katonda wammwe, kubanga y'anaabalokolanga mu mukono gw'abalabe bammwe bonna."

40 Naye ne batawuliriza, ne beeyongeranga mu mpisa zaabwe ez'edda.

41 Newaakubadde ng'amawanga ago baasinzanga MUKAMA, kyokka beeyongeranga okusinza bakatonda baabwe. Ne leero abaana baabwe ne bazzukulu baabwe bakola nga bajjajjaabwe bwe baakolanga.

# 18

*Keezeekiya Kabaka wa Yuda*

1 Mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwa Koseya mutabani wa Era kabaka wa Isirayiri, Keezeekiya mutabani wa Akazi kabaka wa Yuda, n'atandika okufuga.

2 Yali wa myaka amakumi abiri mu etaano, we yatandikira okufuga, n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusaalemi, n'erinnya lya nnyina ye yali Abi muwala wa Zekkaliya.

3 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA nga jjajjaawe Dawudi bwe yakola.

4 N'aggyawo ebifo ebigulumivu n'amenyaamenya amayinja amoole, n'atema n'empagi eza Baasera. N'amenyaamenya omusota ogw'ekikomo Musa gwe yakola, kubanga ne mu biro ebyo Abayisirayiri baagwoterezangako obubaane.

5 Keezeekiya yeesiga MUKAMA, Katonda wa Isirayiri, ne wataba n'omu eyamwenkana ku bakabaka bonna aba Yuda mu abo abaamusooka ne mu abo abamuddirira.

6 N'anywerera ku MUKAMA, n'ataleka kumugoberera, era n'akuuma n'amateeka MUKAMA ge yawa Musa.

7 MUKAMA n'abeera wamu naye, era n'abeera n'omukisa mu buli kye yakolanga. N'agyemera kabaka w'e Bwasuli, n'agaana okumuweereza.

8 N'awangula Abafirisuuti, mu buli kigo na buli kibuga ekyaliko bbugwe, okuva e Gaza n'okutuuka ku nsalo zaakyo.

9 Mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa Keezeekiya, ate nga gwe mwaka ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa Koseya mutabani wa Era,

kabaka wa Isirayiri, Salumaneseri kabaka w'e Bwasuli n'alumba Samaliya n'akizingiza.

10 Bwe wayitawo emyaka esatu, mu mwaka ogw'omukaga ogw'obufuzi
bwa Keezeekiya, ate nga gwe mwaka ogw'omwenda ogwa Koseya kabaka wa Isirayiri, Samaliya ne kiwambibwa.

11 Kabaka w'e Bwasuli n'atwala Abayisirayiri e Bwasuli mu
buwaŋŋanguse, n'abateeka mu Kala, ne mu Kaboli ku mugga gw'e Gozani ne mu bibuga by'Abameedi,

12 kubanga tebagondera ddoboozi lya MUKAMA Katonda waabwe, naye
baasobya endagaano ye, n'ebyo byonna Musa omuddu wa Katonda bye yalagira. Naye ne batabiwulirizza wadde okubigondera.

13 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ena ogw'obufuzi bwa kabaka
Keezeekiya, Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'alumba ebibuga byonna ebyaliko bbugwe ebya Yuda, n'abiwamba.

14 Awo Keezeekiya kabaka wa Yuda n'aweereza obubaka eri kabaka
w'e Bwasuli e Lakisi ng'agamba nti, "Nnyonoonye mu maaso go; ddayo ondeke. Nnaakusasula byonna by'ononsalira." Kabaka w'e Bwasuli n'awooza ku Keezeekiya kabaka wa Yuda ttani kkumi eza ffeeza ne ttani emu eya zaabu.

15 Keezeekiya n'amuwa ffeeza yonna eyali mu yeekaalu ya MUKAMA
n'eyo eyali mu mawanika ag'omu lubiri.

16 Mu kiseera ekyo Keezeekiya kabaka wa Yuda n'aggyako zaabu gwe
yali atadde ku nzigi ne ku minyolo egya yeekaalu ya MUKAMA, n'amuwa kabaka w'e Bwasuli.

### *Sennakeribu Atiisatiisa Yerusaalemi*

17 Kabaka w'e Bwasuli n'atuma Talutani, omuduumizi we ow'oku
ntikko, Labusalisi, omukulu wa bakungu, ne Labusake omuduumizi we alwanira ku ttale n'eggye eddene, okuva e Lakisi okugenda ewa kabaka Keezeekiya e Yerusaalemi. Ne batuuka e Yerusaalemi, ne bakoma awali olusalosalo olw'ekidiba eky'engulu* ekiri ku kkubo ery'Ennimiro ey'Omwozi w'Engoye.

18 Awo ne bayita kabaka, naye Eriyakimu mutabani wa Kirukiya eyali
ssabakaaki, Sebuna omuwandiisi ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza ne bagenda gye bali.

19 Awo Labusake n'abagamba nti, "Mutegeeze Keezeekiya nti,
" 'Bw'ati bw'ayogera kabaka omukulu, kabaka w'e Bwasuli nti, Kiki kye weesiga?

20 Olowooza nti ebigambo obugambo, kakoddyo akalaga amaanyi
n'obuvumu mu kulwana? Ani gwe weesiga, n'okujeema n'onjeemera?

21 Laba nno, weesize Misiri, olumuli olwo olwatifu, oluyinza okufu-
mita omukono gw'omuntu ne lumuleetako ekiwundu. Bw'atyo bw'ali Falaawo, ye kabaka w'e Misiri eri abo bonna abamwesiga.

22 Ate era bw'oŋŋamba nti, "Twesize MUKAMA Katonda waffe,"
oyo si y'omu Keezeekiya gwe yaggyirawo ebifo ebigulumivu n'ebyoto, ng'agamba Yuda ne Yerusaalemi nti, "Munaasinzizanga mu maaso g'ekyoto kino mu Yerusaalemi"?

23 " 'Kale nno, jjangu oteese ne mukama wange kabaka w'e Bwasuli,
nange n'akuwa embalaasi enkumi bbiri bw'onooba ng'olina abeebagazi.

* **18:17** Ekidiba eky'engulu kye kidiba ekyasimibwa Keezeekiya okuggyanga amazzi okuva oluzzi Gikoni we lutandikira.

24 Onooyinza otya okuwangula omu ku baserikale ba mukama wange
asembayo, bw'onooba nga weesiga amagaali n'abeebagala embalaasi ab'e
Misiri?
25 Olowooza nti nnyinza okujja okutabaala ekifo kino n'okukizikiriza
awatali kigambo kya MUKAMA? MUKAMA yennyini yaŋŋambye nyambuke
nzikirize ensi eno.' "
26 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya, Sebuna ne Yowa ne bagamba
Labusake nti, "Tukwegayiridde yogera eri abaddu bo mu lulimi Olusu-
uli, kubanga tulutegeera. Toyogera naffe mu lulimi olw'Abayudaaya
ng'abantu bonna abali ku bbugwe bawuliriza."
27 Naye Labusake n'abaddamu nti, "Mulowooza nti mukama wange
yantuma eri mukama wammwe n'eri mmwe okwogera ebigambo bino,
so si eri abasajja abatudde ku bbugwe, abali mu kabi nammwe kubanga
okufaanana nga mmwe bagenda kulya empitambi yaabwe n'okunywa
omusulo gwabwe?"
28 Awo Labusake n'ayimirira n'akoowoola mu ddoboozi ery'omwanguka
mu lulimi olw'Abayudaaya nti, "Muwulire ekigambo kya kabaka omukulu,
kabaka w'e Bwasuli!
29 Bw'ati bw'ayogera kabaka nti, 'Keezeekiya tabalimbanga, kubanga
taliyinza kubalokola mu mukono gwange.
30 Temuganya Keezeekiya kubasendasenda mwesige MUKAMA
ng'agamba nti, MUKAMA alibalokola, era n'ekibuga kino tekiriweebwayo
mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.'
31 "Temuwuliriza Keezeekiya. Bw'ati bw'ayogera kabaka w'e Bwasuli
nti, 'Mutabagane nange mujje gye ndi, buli omu ku mmwe anywe okuva
mu muzabbibu ggwe, buli muntu ku mutiini gwe, na buli muntu anywe
amazzi ag'omu kidiba kye ye;†
32 okutuusa lwe ndijja ne mbatwala mu nsi efaanana ensi yammwe,
ensi ey'eŋŋaano n'omwenge omusu, ensi ey'emigaati n'ennimiro
ez'emizabbibu, ensi ey'amafuta aga zeyituuni n'omubisi gw'enjuki, mube
balamu muleme okufa.'
"Temuwuliriza Keezeekiya kubanga abawabya bw'agamba nti,
'MUKAMA alibalokola.'
33 Waliwo katonda n'omu owa baamawanga eyali alokodde ensi ye mu
mukono gwa kabaka w'e Bwasuli?
34 Bali ludda wa bakatonda b'e Kamasi n'ab'e Alupadi? Bali ludda
wa bakatonda b'e Sefavayimu, ab'e Kena n'ab'e Yiva? Baali balokodde
Samaliya mu mukono gwange?
35 Ani ku bakatonda abo bonna ab'ensi ezo eyali alokodde ensi ye mu
mukono gwange, mulyoke mulowooze nti MUKAMA alirokola Yerusaalemi
mu mukono gwange?"
36 Naye abantu ne basirika ne bataddamu kigambo na kimu, kubanga
kabaka yali alagidde nti, "Temumuddamu."
37 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya, eyali ssabakaaki, ne Sebuna
omuwandiisi ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza ne bagenda eri
Keezeekiya nga bayuzizza engoye zaabwe, ne bamutegeeza ebigambo
Labusake bye yali ayogedde.

# 19

*Okulokolebwa Kwa Yerusaalemi Kutegeezebwa*

† **18:31** Amakulu g'ekyo nti wajja kubaawo emirembe, n'obutebenkevu, n'enkulaakulana

1 Kabaka Keezeekiya olwawulira ebyo byonna, n'ayuza ebyambalo bye, n'ayambala ebibukutu, n'alaga mu yeekaalu ya MUKAMA.

2 N'atuma Eriyakimu eyali ssabakaaki, ne Sebuna omuwandiisi ne bakabona ab'oku ntikko, nga bonna bambadde ebibukutu, okugenda eri Isaaya nnabbi mutabani wa Amozi.

3 Ne bamugamba nti, "Bw'ati bw'ayogera Keezeekiya nti Leero lunaku lwa buyinike, era lwa kunenyezebwa, era lwa kuswazibwa, ng'abaana bwe batuuka okuzaalibwa, naye ne wataba maanyi ga ku bazaala.

4 Kiyinzika okuba nga MUKAMA Katonda wo yawulidde obubaka bwonna obwa Labusake, mukama we kabaka w'e Bwasuli bwe yaweereza ng'anyooma Katonda omulamu, era nti amunenye olw'ebigambo byonna MUKAMA Katonda wo by'awulidde. Noolwekyo ssabira ekitundu ekikyasigaddewo."

5 Awo abakungu ba Kabaka Keezeekiya bwe baatuuka eri Isaaya,

6 Isaaya n'abagamba nti, "Mutegeeze mukama wammwe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Ebigambo by'owulidde, abaddu ba kabaka w'e Bwasuli bye banvumye, tebikutiisa.

7 Wuliriza! Nzija kumuteekamu omwoyo, awulire olugambo ku bikwata ku nsi ye addeyo mu nsi ye, era gye ndimuzikiririza n'ekitala.' "

8 Labusake bwe yawulira nti kabaka w'e Bwasuli avudde mu Lakisi, n'avaayo, n'asanga kabaka ng'alwana ne Libuna.

9 Awo Sennakeribu n'afuna obubaka obukwata ku Tiraka kabaka w'e Esiyopya nti, "Laba amaliridde okulwana naawe," era n'addamu n'atuma ababaka eri Keezeekiya ng'agamba nti,

10 "Bwe muti bwe munagamba Keezeekiya kabaka wa Yuda nti, 'Tokkiriza Katonda wo gwe weesiga kukulimbalimba ng'akusuubiza nti Yerusaalemi teriweebwayo mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.'

11 Ekyamazima wawulira bakabaka b'e Bwasuli kye bakoze amawanga gonna, nga bagasaanyizaawo ddala. Olowooza nti olirokolebwa?

12 Bakatonda baamawanga ag'e Gozani, n'e Kalani, n'e Lezefu, n'abantu ba Adeni abaali mu Terasali, abasaanyizibwawo bajjajjange, babalokola?

13 Kabaka w'e Kamasi, kabaka w'e Alupadi, kabaka w'ekibuga kya Sefavayimu, oba kabaka w'e Kena oba kabaka w'e Yiva, bali ludda wa?"

### *Okusaba kwa Keezeekiya*

14 Keezeekiya n'afuna ebbaluwa eyaleetebwa ababaka, n'agisoma. N'ayambuka n'agenda mu yeekaalu ya MUKAMA, n'agyanjuluza mu maaso ga MUKAMA.

15 Keezeekiya n'asaba eri MUKAMA ng'agamba nti, "Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri, atuula waggulu ku bakerubi, ggwe wekka, ggwe Katonda ow'obwakabaka bwonna obw'ensi, era ggwe wakola eggulu n'ensi.

16 Otege okutu kwo, Ayi MUKAMA, owulire; ozibule amaaso go Ayi MUKAMA, olabe; owulire ebigambo bya Sennakeribu, byayogedde ng'avvoola Katonda omulamu.

17 "Kya mazima, Ayi MUKAMA, nti bakabaka b'e Bwasuli baazikiriza amawanga n'ensi zaabwe,

18 ne basuula bakatonda baabwe mu muliro. Naye abo tebaali Katonda, baali mirimu gy'emikono gy'abantu, nga mbaawo n'amayinja, era kyebaava bazikirizibwa.

19 Kaakano, Ayi MUKAMA, Katonda waffe, tukwegayiridde, otulokole mu mukono gwe, amawanga gonna ku nsi gamanye nga ggwe, Ayi MUKAMA, gwe Katonda wekka."

### *Isaaya Ayogera Ebyobunnabbi ku kugwa kwa Sennakeribu*

20 Awo Isaaya mutabani wa Amozi n'aweereza Keezeekiya obubaka nti:
"Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, Mpulidde okusaba
kwo ku bikwata ku Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli.
21 Kino kye kigambo MUKAMA ky'ayogedde ku bimukwatako:
" 'Omuwala wa Sayuuni embeerera akunyooma
era akusekerera.
Omuwala wa Yerusaalemi akunyeenyeza omutwe gwe
nga bw'odduka.
22 Ani gw'ovumye era n'ovvoola?
Ani gw'okandulidde eddoboozi lyo,
era ani gw'oyimusirizza amaaso go n'amalala?
Obikoze Omutukuvu wa Isirayiri!
23 Ojereze Mukama
ng'oyita mu babaka bo.
Era ogambye nti,
"Nninye ku ntikko z'ensozi
n'amagaali gange amangi,
ku ntikko ezisingirayo ddala obuwanvu eza Lebanooni.
Ntemye emivule egisingirayo ddala obuwanvu
n'emiberosi gyayo egisingirayo ddala obulungi.
Ntuuse ne mu bifo ebisingirayo ddala okuba ebikusike
ne mu bibira ebisingirayo ddala okuba ebirungi.
24 Nsimye enzizi mu bannamawanga,
n'enywa amazzi gaamu.
Nkazizza emigga egy'e Misiri gyonna,
nga ngirinnyirira n'ebisinziiro by'ebigere byange."

25 " 'Tewawulira nga nakisalawo dda?
Mu biro eby'edda nakiteekateeka,
era kaakano nkituukirizza,
olyoke ofuule ebibuga ebiriko bbugwe
okuba ng'entuumo y'amayinja.
26 Ababituulamu tebakyalina buyinza,
batekemuse era baswazibbwa.
Bafaanana ng'ebimera eby'omu nnimiro,
ng'omuddo omubisi,
ng'omuddo ogusibuse mu busolya bw'ennyumba,
ne gutugibwa nga tegunnakula.

27 " 'Naye mmanyi obutuuliro bwo
era mmanyi okufuluma kwo n'okuyingira kwo
n'obuswandi bw'ondaga.
28 Kubanga ondaze obuswandi bwo,
n'obujoozi bwo
ne mbuwulira mu matu gange,
kyendiva nteeka eddobo lyange mu nnyindo yo
n'olukoba lwange mu mumwa gwo,
era oliddirayo mu kkubo lye wajjiramu.'
29 "Era kano ke kanaaba akabonero ko, ggwe Keezeekiya.
"Omwaka guno olirya ekyo ekimera kyokka,
ne mu mwaka ogwokubiri ekiriva mw'ekyo.
Naye mu mwaka ogwokusatu siga era okungule;

era simba ennimiro ez'emizabbibu, olye ku bibala bya kwo.
30 Ekitundu ekisigaddewo eky'ennyumba ya Isirayiri
kyekiriva kiddamu ne kisimba emizi wansi, ne kibala ebibala waggulu.
31 Mu Yerusaalemi muliva ekitundu ekifisseewo,
ne mu Lusozi Sayuuni ne muva abo abaliwona.
Obuggya bwa MUKAMA ow'Eggye bulikituukiriza.

32 "Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA ku bikwata ku kabaka w'e
Bwasuli, nti,
" 'Kabaka oyo taliyingira mu kibuga kino,
wadde okulasayo akasaale.
Talikisemberera n'engabo
newaakubadde okutuumako ekifunvu ng'akitaayiza.
33 Ekkubo lye yakwata ng'ajja, omwo mw'aliddira,
naye taliyingira mu kibuga kino,
bw'ayogera MUKAMA.
34 Ndirwanirira ekibuga kino nkirokole,
ku lwange, ne ku lw'omuddu wange Dawudi.' "
35 Ekiro ekyo malayika wa MUKAMA n'agenda mu nkambi ey'Abasuuli
n'atta abasajja emitwalo kkumi na munaana mu enkumi ttaano. Ku makya
abantu bwe baagolokoka, laba nga bonna mirambo.
36 Awo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'ava mu nkambi, n'addayo
ewuwe, n'agenda n'abeera e Nineeve.
37 Awo bwe yali ng'asinziza mu ssabo lya katonda we Nisuloki Adulammereki
ne Salezeri batabani be ne bamutta n'ekitala, ne baddukira mu nsi
y'e Alalati. Esaladoni mutabani we n'amusikira.

# 20

*Okulwala kwa Keezeekiya*

1 Mu biro ebyo Keezeekiya n'alwala n'abulako katono okufa. Nnabbi
Isaaya mutabani wa Amozi n'agenda gy'ali n'amugamba nti, "Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA nti: Teekateeka ennyumba yo, kubanga ogenda kufa
so togenda kuwona."
2 Keezeekiya ne yeekyusa n'atunuulira ekisenge, ne yeegayirira MUKAMA
ng'agamba nti,
3 "Jjukira, Ayi MUKAMA Katonda, nga bwe ntambulidde mu maaso go mu
bwesigwa n'omutima ogutuukiridde, era ne nkola ebirungi mu maaso go."
Keezeekiya n'akaaba nnyo.
4 Awo Isaaya bwe yali nga tannava mu luggya olwa wakati, ekigambo
kya MUKAMA ne kimujjira nti,
5 "Ddayo ogambe Keezeekiya omukulembeze w'abantu bange nti,
'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa jjajjaawo Dawudi nti: Mpulidde
okusaba kwo, era n'amaziga go ngalabye. Nzija kukuwonya. Oluvannyuma
lw'ennaku ssatu onooyambuka n'olaga mu yeekaalu ya MUKAMA.
6 Ndikwongerako emyaka emirala kkumi n'ettaano, era laba ndikulokola
ggwe n'ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli,
nga nnwanirira ekibuga kino ku lwange nze ne ku lw'omuddu wange
Dawudi.' "
7 Awo Isaaya n'alagira baleete ekitole ky'ettiini, ne bakisiiga ku jjute,
Keezeekiya n'awona.

8 Keezeekiya yali abuuzizza Isaaya nti, “Kabonero ki akalindaga nti
MUKAMA amponyezza, era nti ndyambuka mu yeekaalu ya MUKAMA nga
wayiseewo ennaku ssatu?”
9 Isaaya n'addamu nti, “Kano ke kaliba akabonero gy'oli okuva eri
MUKAMA nti ajja kutuukiriza kye yasuubiza: ekisiikirize kinaatambula mu
maaso amadaala kkumi, oba kinaaddayo emabega amadaala kkumi?”
10 Keezeekiya n'addamu nti, “Kintu kyangu nnyo ekisiikirize okugenda
mu maaso amadaala kkumi, Noolwekyo kiddeyo emabega amadaala
kkumi.”
11 Awo Isaaya n'akoowoola erinnya lya MUKAMA, era MUKAMA n'azzaayo
ekisiikirize emabega amadaala kkumi okuva ne we kyali ku madaala ga
Akazi.

*Obusirusiru bwa Keezeekiya*

12 Mu biro ebyo Berodakubaladani mutabani wa Baladani kabaka w'e
Babulooni n'aweereza Keezeekiya ebbaluwa n'ekirabo, kubanga yawulira
nti Keezeekiya yali alwadde.
13 Keezeekiya n'ayaniriza ababaka abaleeta ebbaluwa, n'abalambuza
amawanika ge gonna omwali eby'omuwendo ebingi ng'effeeza, ne zaabu,
n'ebyakaloosa n'amafuta ag'omuwendo omungi. Yabalambuza ennyumba
omwali ebyokulwanyisa, n'eby'omuwendo ebirala ebyali mu mawanika
ge. Tewali kintu mu lubiri wadde mu bwakabaka bwe bwonna Keezeekiya
ky'ataabalaga.
14 Awo nnabbi Isaaya n'agenda eri Kabaka Keezeekiya n'amubuuza nti,
“Abasajja abo bagambye ki era bavudde wa?”
Keezeekiya n'addamu nti, “Bavudde mu nsi ey'ewala mu Babulooni.”
15 Nnabbi n'amubuuza nti, “Balabye ki mu lubiri lwo?”
N'addamu nti, “Balabye buli kintu mu lubiri lwange, tewali na kimu ku
by'omu mawanika gange kye nabakwese.”
16 Isaaya n'agamba Keezeekiya nti, “Wuliriza MUKAMA Katonda
ky'agamba:
17 Laba, ekiseera kijja byonna ebiri mu lubiri lwo, ne byonna bajjajjaabo
bye baatereka, lwe biritwalibwa e Babulooni. Tewaliba kintu ekirisi-
galawo,” bw'ayogera MUKAMA.
18 “Era abamu ku bazzukulu bo, ab'omubiri gwo n'omusaayi gwo,
abaliba bakuzaaliddwa balitwalibwa mu busibe, era baliba balaawe mu
lubiri lwa kabaka w'e Babulooni.”
19 Keezeekiya n'addamu nti, “Ekigambo kya MUKAMA ekyo ky'oyogedde
kirungi.” Yalowooza mu mutima gwe nti, “Kasita, emirembe
n'obutebenkevu binaabeerangawo mu mirembe gyange.”
20 Ebirala byonna ebyabaawo mu mirembe gya Keezeekiya n'ebyobuzira
bye byonna, ne bwe yakola ekidiba n'omudumu omunene ebyalee-
tanga amazzi mu kibuga, tebyawandiikibwa mu kitabo ky'ebyafaayo
eky'ebyomumirembe bya bassekabaka ba Yuda?
21 Keezeekiya n'afa, mutabani we Manase n'amusikira okuba kabaka.

# 21

*Manase Kabaka wa Yuda*

1 Manase yatandika okufuga ng'alina emyaka kkumi n'ebiri, era
n'afugira emyaka amakumi ataano mu etaano mu Yerusaalemi. Nnyina
ye yali Kefuziba.

2 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ng'atambulira mu makubo amabi
ag'amawanga MUKAMA ge yali agobye mu maaso g'Abayisirayiri.
3 Yaddamu n'azimba ebifo ebigulumivu eby'okusamira, Keezeekiya
kitaawe bye yali amenye: era yazimba n'ebyoto ebya Baali, n'asimba
n'empagi kya Asera, nga Akabu kabaka wa Isirayiri bwe yakola,
n'okusinza n'asinza eggye ery'omu ggulu.
4 Yazimba n'ebyoto mu yeekaalu ya MUKAMA, MUKAMA gye yali ayoged-
deko nti, "Mu Yerusaalemi mwe mulibeera Erinnya lyange."
5 Era yazimbira eggye lyonna ery'omu ggulu ebyoto mu mpya zombi eza
yeekaalu ya MUKAMA.
6 N'awaayo mutabani we okuba ekyokebwa, ng'akola eby'obufumu
n'eby'obulogo, ate ng'alagulwa n'abaliko emizimu, n'abalogo. N'akola
ebibi bingi mu maaso ga MUKAMA, era n'amusunguwaza.
7 Yaddira ekifaananyi ekyole ekya Asera n'akiteeka mu yeekaalu,
MUKAMA gye yali ayogeddeko ng'agamba Dawudi ne mutabani we Sule-
maani nti, "Mu Yeekaalu eno ne mu Yerusaalemi, bye nneeroboza mu bika
byonna ebya Isirayiri, mwe munaabeeranga erinnya lyange emirembe
gyonna.
8 Siriddayo nate kujja bigere eby'Abayisirayiri mu nsi gye nawa
bajjajjaabwe, bwe baneekuumanga okukola bye nabalagira byonna wamu
n'amateeka omuddu wange Musa ge yabawa."
9 Naye abantu tebaawuliriza, era Manase n'abasendasenda okukola
ebibi okusinga n'ebyo amawanga MUKAMA ge yazikiririza mu maaso
g'Abayisirayiri bye gaakola.
10 Awo MUKAMA n'ayogerera mu baddu be bannabbi
11 nti, "Olw'emizizo gino Manase kabaka wa Yuda gy'akoze,
ng'ayonoona okusinga Abamoli abaamusooka bye baakola, n'ayonoonyesa
Yuda n'ebifaananyi bye,
12 bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, 'Ndireeta ku
Yerusaalemi ne ku Yuda obubi obusingirayo ddala, era na buli muntu
alikiwulira, alisasamala.
13 Ndigolola omuguwa ogwakozesebwa ku Samaliya n'ejjinja erigera
eryakozesebwa ku nnyumba ya Akabu eri Yerusaalemi, era ne mmalirawo
ddala Yerusaalemi ng'omuntu bw'akomba esowaani okumalirako ddala
emmere, n'okugifuula n'agifuula.
14 Era ndyabulira ekitundu ekyafikkawo eky'obusika bwange, ne nkiga-
bula mu mukono gw'abalabe baabwe, ne bababbako buli kantu,
15 kubanga baakola ebibi mu maaso gange, ne bansunguwaza nnyo oku-
viira ddala ku lunaku bajjajjaabwe kwe baaviirako mu Misiri n'okutuusa
ku lunaku lwa leero.' "
16 Ate, era Manase yayiwa omusaayi mungi gw'abo abataaliko musango,
n'agujjuza Yerusaalemi, obutasaako ebibi ebirala bye yayonoonyesa Yuda,
ne bakola ebibi mu maaso ga MUKAMA.
17 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Manase, ne byonna
bye yakola, okwo nga kwe kuli n'ebibi bye yakola, tebyawandiikibwa mu
kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
18 Awo Manase n'afa, n'aziikibwa mu nnimiro ey'olubiri lwe, ye nnimiro
ya Uzza, ne mutabani we Amoni n'amusikira okuba kabaka.

### *Amoni Kabaka wa Yuda*

19 Amoni lwe yatandika okufuga, yali awezezza emyaka amakumi abiri
mu ebiri, era n'afugira mu Yerusaalemi okumala emyaka ebiri. Nnyina ye
yali Mesullemesi muwala wa Kaluzi ow'e Yotuba.

20 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe bwe yakola.
21 N'atambulira mu ngeri za kitaawe, n'asinzanga ebifaananyi kitaawe
bye yasinzanga.
22 Yava ku MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabe, n'atatambulira mu kkubo
lya MUKAMA.
23 Awo abakungu ba Amoni ne bamusalira olukwe, ne bamuttira mu
lubiri lwe.
24 Awo olwatuuka, abantu mu nsi ne beekobaana, ne batta abo bonna
abaali mu lukwe olw'okumutta, era ne bafuula Yosiya mutabani we
kabaka.
25 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Amoni, tebyawandi-
ikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
26 Kabaka n'aziikibwa mu ntaana ye mu nnimiro ya Uzza, mutabani we
Yosiya n'amusikira okuba kabaka.

# 22

*Ekitabo ky'Amateeka Kizuulibwa*

1 Yosiya n'atandika okufuga nga wa myaka munaana, era n'afugira mu
Yerusaalemi emyaka amakumi asatu mu gumu, ng'erinnya lya nnyina ye
Yedida, muwala wa Adaya ow'e Bozukasi.
2 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, ng'atambulira mu ngeri za
jjajjaawe Dawudi, awatali kutaaganaaga.
3 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'obufuzi bwa kabaka Yosiya,
kabaka n'atuma omuwandiisi Safani mutabani wa Azaliya ate muzzukulu
wa Mesullamu okulaga mu yeekaalu ya MUKAMA. N'amugamba nti,
4 "Yambuka eri Kirukiya kabona Asinga obukulu, akutegeeze omuwendo
gw'ensimbi ezireeteddwa mu yeekaalu ya MUKAMA abaggazi ze ba-
soloozezza ku bantu.
5 Ensimbi ezo zikwasibwe abasajja abaalondebwa okulabirira omulimu
ogwa yeekaalu basasule abakozi abaddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA,
6 ababazzi, n'abazimbi, n'abaasa b'amayinja. Ate era baguleko
n'embaawo n'amayinja amateme nga byonna bya kuddaabiriza yeekaalu.
7 Naye tebabuuzibwa engeri gye bakozesezaamu ensimbi ezo, kubanga
basajja abakola n'obwesigwa."
8 Awo Kirukiya kabona asinga obukulu n'ategeeza Safani omuwandiisi
nti, "Ekitabo eky'Amateeka nkizudde we kibadde mu yeekaalu*." N'akiwa
Safani n'akisoma.
9 Safani omuwandiisi n'addayo eri kabaka n'amugamba nti, "Abakungu
bawaddeyo ensimbi ezibadde mu yeekaalu ya MUKAMA era bazikwasizza
abakozi n'abalabirizi ab'omulimu okuzikozesa n'okulabirira enkozesa
yaazo."
10 Ate era Safani omuwandiisi n'ategeeza kabaka nti, "Kirukiya kabona,
ampadde ekitabo." Awo Safani n'akisomera kabaka.
11 Kabaka bwe yawulira ebigambo ebyasomebwa okuva mu Kitabo
eky'Amateeka n'ayuza ebyambalo bye.
12 N'alagira Kirukiya kabona, Akikamu mutabani wa Safani, ne Akubooli
mutabani wa Mikaaya, ne Safani omuwandiisi, ne Asaya omuweereza wa
kabaka nti,

* **22:8** Okuzuula okwo kwe kulaga obujeemu bwa Isirayiri obungi ennyo eri Katonda mu biro bya Manase. Ekitabo eky'Amateeka ekyazuulibwa kye kitabo Eky'amateeka Olwokubiri.

13 "Mugende mumbuulize eri MUKAMA, nze, n'abantu bange ne Yuda
yonna ku bigambo ebiwandiikiddwa mu kitabo kino ekizuuliddwa.
Obusungu bwa MUKAMA bungi nnyo gye tuli olwa bajjajjaffe obutawuliriza
bigambo eby'omu kitabo kino, era tebaakola ng'ebyawandiikibwa bino
bwe bitugamba."
14 Awo Kirukiya kabona, ne Akikamu, ne Akubooli, ne Safani, ne Asaya
ne bagenda eri Kuluda nnabbi omukyala muka Sallumu mutabani wa
Tikuva muzzukulu wa Kalukasi omuwanika w'ebyambalo, okumwebuuza-
ako. Yabeeranga mu kitundu ekyokubiri mu Yerusaalemi.
15 N'abagamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri
nti,
16 'Mutegeeze oyo abatumye nti ŋŋenda kuleeta ku kifo kino n'abantu
bano akabi, ng'ebyawandiikibwa mu kitabo bwe bigamba, kabaka wa
Yuda by'asomye.
17 Olw'okunvaako n'olw'okwotereza obubaane eri bakatonda, nga
baleetera obusungu bwange okubuubuuka olwa bakatonda be bakoze,
ndibaleetako obusungu bwange era tewaliba n'omu alibukkakkanya.'
18 Naye mugambe kabaka wa Yuda eyabatumye okwebuuza ku MUKAMA
nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, ebikwata ku
bigambo bye wawulidde:
19 kubanga obadde mumenyefu mu mutima ne weetoowaza mu maaso
ga MUKAMA bwe wawulidde ebigambo ebyo bye nayogedde ku kifo
kino ne ku bantu bano, nti baakuzikirira era baggweewo, ate n'oyuza
n'ebyambalo byo nga wennyamidde mu maaso gange, mpulidde okukaaba
kwo, bw'ayogera MUKAMA.
20 Kyendiva nkutwala eri bajjajjaabo, n'oziikibwa mu mirembe, era
amaaso go tegaliraba kabi kendireeta ku kifo kino.' "
Awo ne bazaayo obubaka obwo eri kabaka.

# 23

*Endagaano Eragaanibwa buggya*

1 Awo kabaka n'ayita abakadde bonna aba Yuda n'ab'omu Yerusaalemi.
2 N'ayambuka mu yeekaalu ya MUKAMA ne bakabona, ne bannabbi,
n'abantu bonna okuva ku wa wansi okutuukira ddala ku wa waggulu
mu bitiibwa byabwe. N'asoma ebigambo eby'omu Kitabo eky'Endagaano
ekyali kizuuliddwa mu yeekaalu ya MUKAMA, nga bonna bawulira.
3 Awo kabaka n'ayimirira okuliraana empagi n'azza obuggya endagaano
ne MUKAMA, okutambuliranga mu kkubo lya MUKAMA, n'okukwatanga
amateeka ge, n'okutambuliranga mu mpya ze, n'okugonderanga ebira-
giro bye, n'omutima gwe gwonna, n'emmeeme ye yonna, ng'akakasa
ebyawandiikibwa ebyali mu kitabo ekyo. Awo abantu bonna ne beewaayo
okuzza endagaano obuggya.
4 Awo kabaka n'alagira Kirukiya kabona asinga obukulu ne bakabona
abaamuddiriranga, wamu n'abaggazi okuggya mu yeekaalu ya MUKAMA
ebintu byonna ebya Baali n'ebya Asera, n'eby'eggye lyonna ery'omu
ggulu, n'abyokera ebweru wa Yerusaalemi mu ttale eriri mu kiwonvu kya
Kiduloni, evvu n'alitwala e Beseri*.
5 N'agoba bakabona abaasinzanga ebifaananyi abaali balondeddwa
bassekabaka ba Yuda okwoterezanga obubaane mu bifo ebigulumivu

* **23:4** Beseri kye kifo awasinzibwanga MUKAMA Katonda mu biro eby'edda (Lub 28:19). Ekifo ekyo bakabaka ba Isirayiri baasinzizangayo balubaale (1Bk 12:25-29)

mu bibuga ebya Yuda n'okwetooloola Yerusaalemi, n'abo abayoterezanga obubaane eri Baali n'enjuba n'omwezi, n'eri emunyeenye n'eri eggye lyonna ery'omu ggulu.

6 N'aggya empagi ya Asera† mu yeekaalu ya MUKAMA, n'agitwala ebweru wa Yerusaalemi mu kiwonvu ekya Kiduloni, n'agyokera eyo. N'agisekulasekula n'asaasaanya evvu lyayo ku malaalo ag'abantu abaabulijjo.

7 Ate era yamenyaamenya n'ennyumba ez'abaalyanga ebisiyaga ezaali mu yeekaalu ya MUKAMA, era eyo abakazi gye baalukiriranga Asera ebitimbibwa.

8 Awo Yosiya n'aleeta bakabona bonna okuva mu bibuga bya Yuda, n'ayonoona ebifo ebigulumivu okuva e Geba okutuuka e Beeruseba, bakabona gye baayoterezanga obubaane, era n'amenyaamenya amasabo agaali okumpi ne wankaaki ow'oku Mulyango gwa Yoswa, omukulembeze ow'ekibuga, agaali ku luuyi olwa kkono olwa wankaaki ow'ekibuga.

9 Newaakubadde nga bakabona bali ab'oku bifo ebigulumivu tebaweerezanga ku kyoto kya MUKAMA mu Yerusaalemi, balyanga emigaati egitali mizimbulukuse wamu ne bakabona bannaabwe.

10 Yavvoola era n'amenyaamenya ekyoto kya Tofesi ekyali mu Kiwonvu ky'abaana ba Kinomu, obutaganya muntu yenna kuwaayo mwana we owoobulenzi newaakubadde owoobuwala ng'ekiweebwayo eri Moleki.

11 Era yaggyawo n'embalaasi ezaali mu mulyango gwa yeekaalu, bassekabaka ba Yuda ze baali bawonze eri enjuba, era n'ayokya amagaali ze gaasikanga. Zaabeeranga mu luggya okuliraana n'ekisenge ekyali eky'omukungu Nasanumereki.

12 Yamenyaamenya n'ebyoto bassekabaka ba Yuda bye baali bazimbye ku kasolya okumpi n'ekisenge ekya waggulu ekya Akazi, era n'ebyoto Manase bye yali azimbye mu mpya zombi eza yeekaalu ya MUKAMA. Byonna yabiggyayo, n'abimenyaamenya, enfuufu yaabyo n'agiyiwa mu kiwonvu ekya Kiduloni.

13 Era kabaka n'ayonoona n'ebifo ebigulumivu ebyali ebuvanjuba w'e Yerusaalemi ku luuyi olwa bukiikaddyo ku lusozi olw'okuzikirira, ebyo Sulemaani kabaka wa Isirayiri bye yazimbira bakatonda ab'omuzizo: Asutoleesi katonda omukazi ow'Abasidoni, ne Kemosi ow'Abamowaabu, ne Mirukomu ow'Abamoni.

14 N'amenyaamenya empagi, n'atemaatema empagi za Asera era ebifo ebyo n'abijjuza amagumba g'abantu.

### *Amasabo n'Ebyoto Bimenyebwamenyebwa*

15 Era n'ekyoto ekyali e Beseri, n'ekifo ekigulumivu ekyaleetera Isirayiri okwonoona, Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yali azimbye, byonna Yosiya n'abimenyaamenya. N'ayokya era n'asekulasekula ekifo ekigulumivu okutuusa lwe kyafuuka enfuufu era n'ayokya n'empagi eya Asera.

16 Awo Yosiya bwe yatunulatunula, n'alaba amalaalo agaali ku lusozi, n'agenda n'aggyamu amagumba g'abafu n'agokera ku kyoto n'akyonoona, ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali omusajja wa Katonda kye yalangirira.

17 Awo kabaka n'abuuza nti, "Kijjukizo ki ekyo kye ndaba?" Abasajja ab'ekibuga ne bamuddamu nti, "Ago ge malaalo ag'omusajja wa Katonda eyava mu Yuda n'alangirira ebigambo ebikwata ku kyoto eky'e Beseri, by'okikoze."

---

† **23:6** Empagi ya Asera yali ezikirizibbwa Keezeekiya, kyokka Manase n'agizzaawo

18 N'abagamba nti, "Mugaleke, era temuganya muntu yenna kukwata
ku magumba ge." Awo ne batakwata ku magumba ge, wadde aga nnabbi
ow'e Samaliya.
19 N'amasabo gonna agaali mu bifo ebigulumivu bassekabaka ba Yuda
bye baali bazimbye mu bibuga bya Samaliya ne baleetera obusungu bwa
MUKAMA okubuubuuka, Yosiya n'agavvoola era n'agaggyawo nga bwe
yakola e Beseri.
20 Yosiya n'atta bakabona bonna abaaweerezanga mu bifo ebigulumivu
ku byoto byayo, era amagumba gaabwe n'agokera okwo, n'oluvannyuma
n'addayo e Yerusaalemi.

### *Okukuuma Embaga ey'Okuyitako*

21 Awo kabaka n'alagira abantu bonna ng'agamba nti, "Mukwate
Okuyitako kwa MUKAMA Katonda wammwe ng'ekyawandiikibwa bwe kiri
mu Kitabo eky'endagaano."
22 Okuviira ddala ku mirembe gy'abalamuzi, ne ku mirembe gya bassek-
abaka ba Isirayiri n'aba Yuda, tewaaliwo kukwata Mbaga ey'Okuyitako.
23 Naye mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'obufuzi bwa kabaka
Yosiya, Embaga eyo n'ebaawo mu Yerusaalemi.
24 Ate era n'abafumu, n'aboogeza emizimu, n'ebifaananyi,
n'eby'emizizo byonna ebyali mu Yuda ne mu Yerusaalemi, Yosiya,
n'abiwera. Ekyo yakikola okutuukiriza ebigambo eby'etteeka eryali mu
kitabo Kirukiya kabona kye yazuula mu Yeekaalu ya MUKAMA.
25 Era tewali kabaka eyasooka Yosiya wadde eyamuddirira eyamu-
faanana era eyakyukira MUKAMA n'omutima gwe gwonna, n'emmeeme
ye yonna era n'amaanyi ge gonna, ng'agoberera Amateeka ga Musa.
26 Kyokka MUKAMA n'atakendeeza ku busungu bwe obungi obwabu-
ubuukira ku Yuda, olw'ebikolwa byonna ebya Manase ebyaleetera
MUKAMA okusunguwala.
27 Awo MUKAMA n'ayogera nti, "Ndiggyawo Yuda mu maaso gange nga
bwe nnaggyawo Isirayiri, era n'ekibuga Yerusaalemi kye nneeroboza,
wamu ne yeekaalu eno gye nayogerako nti, 'Erinnya lyange linaabanga
omwo,' siribisaako nate mwoyo."
28 Ebyafaayo ebirala byonna eby'omu mirembe gya Yosiya, ne bye
yakola byonna, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya
bassekabaka ba Yuda?
29 Awo mu biro ebyo, Falaawo Neko nga ye kabaka wa Misiri
n'ayambuka okutabaala kabaka w'e Bwasuli ku Mugga Fulaati; kabaka
Yosiya n'agenda okumubeera, naye Falaawo Neko olwamulengera ng'ajja,
n'amuttira e Megiddo.
30 Abaddu ba Yosiya ne bateeka omulambo gwe mu gaali ne baguggya
e Megiddo ne bagutwala e Yerusaalemi, ne bamuziika mu ntaana ye.
Awo abantu ab'omu nsi ne batwala Yekoyakaazi mutabani wa Yosiya
ne bamufukako amafuta ne bamufuula kabaka n'asikira kitaawe okuba
kabaka.

### *Yekoyakaazi kabaka wa Yuda*

31 Yekoyakaazi we yaliira obwakabaka yalina emyaka amakumi abiri
mu esatu, era n'afugira mu Yerusaalemi okumala emyezi esatu. Nnyina
erinnya lye yali Kamutali muwala wa Yeremiya ow'e Libuna.
32 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA nga bajjajjaabe bwe baakola.
33 Falaawo Neko n'amuggya ku bwakabaka n'amusibira mu masamba
e Libula mu nsi y'e Kamasi obutaddayo kufuga mu Yerusaalemi, era

n'asalira Yuda omusolo ogw'effeeza ttani ssatu ne bisatu byakuna ne zaabu kilo amakumi asatu mu nnya.
34 Awo Falaawo Neko n'afuula Eriyakimu mutabani wa Yosiya kabaka, n'akyusa n'erinnya lye, n'amutuuma Yekoyakimu. N'aggyayo Yekoyakaazi, n'amutwala e Misiri, era eyo gye yafiira.
35 Awo Yekoyakimu n'awangayo effeeza ne zaabu nga Falaawo Neko bwe yalagira. Era okusobola okutuukirizanga ekyo, Yekoyakimu yawoozanga abantu, n'abaggyangako effeeza ne zaabu nga buli muntu bwe yagerekebwa.

### *Yekoyakimu, Kabaka wa Yuda*

36 Yekoyakimu we yafuukira kabaka yali awezezza emyaka amakumi abiri mu etaano, era n'afugira mu Yerusaalemi okumala emyaka kkumi na gumu. Nnyina erinnya lye yali Zebida muwala wa Pedaya ow'e Luuma.
37 Naye n'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, nga bajjajjaabe be bwe baakola.

## 24

1 Mu biro ebyo, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'alumba, era n'afuula Yekoyakimu omuddu we okumala emyaka esatu. Naye Yekoyakimu oluvannyuma n'ajeema, n'akola olutalo ku Nebukadduneeza.
2 Awo MUKAMA n'asindikira Yekoyakimu ebibinja by'Abakaludaaya, n'Abasuuli, n'Abamowaabu, n'Abamoni, n'abatuma okulumba Yuda, ng'ekigambo kya MUKAMA kye yayogerera mu baweereza be bannabbi bwe kyali.
3 Era ddala ebyo by'atuukirira ku Yuda ng'ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali, okubaggya mu maaso ge olw'ebibi bya Manase n'ebirala byonna bye yakola,
4 ng'okwo kwe kuli okuyiwa omusaayi ogutaliiko musango. Yajjuza Yerusaalemi n'omusaayi ogutaliiko musango, MUKAMA kye yali tagenda kusonyiwa.
5 Ebyafaayo ebirala ebyaliwo ku mulembe gwa Yekoyakimu ne byonna bye yakola, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
6 Awo Yekoyakimu n'afa, mutabani we Yekoyakini n'amusikira okuba kabaka.
7 Kabaka w'e Misiri teyava nate mu nsi ye, kubanga kabaka w'e Babulooni yali awambye ebibye byonna okuviira ddala ku mukutu gw'Omugga ogw'e Misiri oguyiwa ku Nnyanja Ennene okutuuka ku Mugga Fulaati.

### *Yekoyakini Kabaka wa Yuda*

8 Yekoyakini we yafuukira kabaka yalina emyaka kkumi na munaana, era n'afugira mu Yerusaalemi okumala emyezi esatu. Nnyina erinnya lye yali Nekusita muwala wa Erunasani ow'e Yerusaalemi.
9 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe bwe yakola.
10 Mu biro ebyo eggye lya Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni ne lirumba ekibuga ky'e Yerusaalemi, ne kizingizibwa.
11 Nebukadduneeza yennyini n'ajja mu kibuga, ng'eggye lye likyakizingizza.
12 Awo Yekoyakini kabaka wa Yuda, ne nnyina, n'abaddu ba kabaka, n'abakungu be, n'abaami be bonna ne beewaayo eri kabaka w'e Babulooni

mu mwaka gwe ogw'omunaana bukya alya bwakabaka, era Yekoyakini n'atwalibwa nga musibe.
13 Era mu kiseera kye kimu, Nebukadduneeza n'atwala eby'obugagga byonna okuva mu yeekaalu ya MUKAMA, n'okuva mu lubiri lwa kabaka, era n'atemaatema ebibya byonna ebya zaabu, Sulemaani kabaka wa Isirayiri bye yali akoze ng'abitadde mu yeekaalu ya MUKAMA, nga MUKAMA bwe yalagira.
14 N'atwala Yerusaalemi kyonna, n'abakungu bonna, n'abasajja abalwanyi bonna, ne baffundi bonna n'abaweesi bonna mu buwaŋŋanguse, awamu ne bawera abantu ng'omutwalo gumu. Abasemberayo ddala obwavu be yalekamu bokka.
15 Nebukadduneeza n'atwala Yekoyakini e Babulooni nga musibe okuva mu Yerusaalemi, era n'atwala ne nnyina, ne bakyala ba kabaka, n'abakungu be, n'abaami abaali ab'ekitiibwa mu nsi.
16 Ate era yawamba abasajja ab'amaanyi kasanvu, ne baffundi n'abaweesi lukumi, bonna n'abatwala e Babulooni nga basibe.
17 Nebukadduneeza n'addira Mataniya kitaawe wa Yekoyakini omuto, n'amufuula kabaka, era n'amukyusa n'erinnya n'amutuuma Zeddekiya.

*Zeddekiya, Kabaka wa Yuda*

18 Zeddekiya we yafuukira kabaka yalina emyaka amakumi abiri mu gumu, era n'afugira mu Yerusaalemi emyaka kkumi na gumu. Nnyina erinnya lye yali Kamutali muwala wa Yeremiya ow'e Libuna.
19 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, nga Yekoyakini bwe yakola.
20 Ebyo byonna ebyatuuka ku Yerusaalemi ne ku Yuda, byabaawo olw'obusungu bwa MUKAMA obwababubuukirako, era n'oluvannyuma n'abagoba mu maaso ge.
Naye oluvannyuma Zeddekiya y'ajeemera kabaka w'e Babulooni.

# 25

1 Awo Zeddekiya nga yakafugira emyaka mwenda, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'eggye lye lyonna ne balumba Yerusaalemi ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'ekkumi; ne basiisira ebweru waakyo, ne bakizimbako ebigo okukyetooloola.
2 Awo ekibuga ne kizingizibwa okumala emyaka ebiri nga Zeddekiya y'akyali kabaka.
3 Ku lunaku olw'omwenda mu mwezi ogwokuna enjala n'eba nnyingi nnyo mu kibuga, abantu ab'omu nsi ne babulwako n'emmere ey'okulya.
4 Awo kabaka n'eggye lye lyonna abaali mu kibuga ne bawagula mu bbugwe ekituli, ekiro, ne badduka nga bayita mu mulyango ogwaliraananga ennimiro ya kabaka ne bayita ne ku Bakaludaaya abaali bazingizza ekibuga enjuuyi zonna.
5 Naye eggye ly'Abakaludaaya ne bagoberera kabaka, okutuusa lwe bamukwatira mu nsenyi ez'e Yeriko n'eggye lye lyonna ne lisaasaana okumwabulira.
6 Ne bawamba kabaka, ne bamuleeta eri kabaka w'e Babulooni e Libula gye yasalirwa omusango.
7 Ne battira batabani ba Zeddekiya mu maaso ge, ne bamuggyamu amaaso, ne bamuteeka mu masamba, n'atwalibwa e Babulooni.

*Yerusaalemi ne Yeekaalu Bisaanyizibwawo*

8 Awo ku lunaku olw'omusanvu mu mwezi ogwokutaano mu mwaka ogw'ekkumi n'omwenda ogw'obwakabaka bwa Nebukadduneeza, kabaka

w'e Babulooni, Nebuzaladaani omuduumizi ow'eggye lya kabaka ery'oku
ntikko, ate nga mwami wa kabaka w'e Babulooni n'ajja mu Yerusaalemi.
9 N'ayokya yeekaalu ya MUKAMA, n'olubiri lwa kabaka, n'ennyumba
zonna na buli kizimbe ekikulu era nga kya muwendo mu Yerusaalemi.
10 Awo eggye lyonna ery'Abakaludaaya nga bakulemberwa omuduumizi
ow'eggye ery'oku ntikko, ne bamenya bbugwe wa Yerusaalemi.
11 Nebuzaladaani omuduumizi ow'eggye ery'oku ntikko n'atwala abantu
bonna abaali basigaddewo mu kibuga, mu buwaŋŋanguse nga basibe,
n'abaali baasenga kabaka w'e Babulooni, n'abalala bonna abaali mu
kibuga.
12 Wabula yalekamu abaali basemberayo ddala obwavu mu nsi eyo,
okulabiriranga emizabbibu n'okulimanga.
13 Abakaludaaya ne bamenyaamenya empagi ez'ebikomo n'ebyuma
ebyawaniriranga ennyanja ey'ekikomo, n'ennyanja ey'ekikomo, ebyali mu
yeekaalu ya MUKAMA, n'ebikomo byamu ne babitwala e Babulooni.
14 Era baatwala n'entamu, n'ebisena, n'ebisalako ebisirinza, n'ebijiiko
n'ebintu byonna eby'ekikomo ebyakozesebwanga mu yeekaalu.
15 Omuduumizi ow'eggye ery'oku ntikko n'atwala n'ebyoterezo wamu
n'ebibya ebyali ebya zaabu n'ebyali ebya ffeeza.
16 Ekikomo ekyava mu mpagi ebbiri, ne mu nnyanja, ne mu byuma
ebyawaniriranga ennyanja ey'ekikomo, Sulemaani bye yakolera yeekaalu
ya MUKAMA, obuzito bwakyo nga tebumanyiddwa.
17 Buli mpagi obugulumivu yali mita munaana ne desimoolo emu
ne ku mutwe gwayo nga kuliko ekikomo ng'obugulumivu bwakyo
mita emu ne desimoolo ssatu, nga kitoneddwatoneddwa n'ebifaananyi
n'amakomamawanga ag'ekikomo okukyetooloola. N'empagi eyookubiri
yali ekoleddwa mu ngeri y'emu.
18 Omuduumizi ow'eggye ery'oku ntikko n'atwala nga basibe: Seraya
kabona Asinga obukulu, n'omumyuka we Zeffaniya, n'abaggazi abasatu.
19 Era yatwala n'omukungu eyaduumiranga abasajja abalwanyi,
n'abakungu abalala bataano abatuulanga ku lukiiko lwa kabaka; era
n'atwala n'omuwandiisi omukulu eyavunaanyizibwanga okuyingizanga
abantu mu magye mu nsi ya Yuda, n'abasajja abannansi nkaaga abaasan-
gibwa mu kibuga.
20 Abo bonna Nebuzaladaani omuduumizi ow'eggye ery'oku ntikko
n'abatwalira kabaka w'e Babulooni e Libula.
21 Kabaka w'e Babulooni n'abattira eyo e Libula, mu nsi y'e Kamasi.
Bw'atyo Yuda n'atwalibwa mu buwaŋŋanguse nga musibe, okuva mu
nsi ye.
22 Awo Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'alonda Gedaliya
mutabani wa Akikamu, muzzukulu wa Safani okuba omukulembeze
w'abo abaali basigaddewo mu Yuda.
23 Awo abakungu ab'eggye n'abasajja abalala bwe baawulira nga kabaka
w'e Babulooni alonze Gedaliya okuba omukulembeze, ne bagenda eri
Gedaliya e Mizupa. Abasajja abakungu abo baali Isimayiri mutabani wa
Nesaniya, ne Yokanaani mutabani wa Kaleya, ne Seraya mutabani wa
Tanukumesi Omunetofa, ne Yaazaniya mutabani w'Omumaakasi.
24 Gedaliya n'abalayirira bo n'abasajja baabwe n'abagamba nti,
"Temutya bakungu Bakaludaaya, naye mutereere mu nsi muweereze
kabaka w'e Babulooni kale ebintu byonna binaabagendera bulungi."
25 Naye mu mwezi ogw'omusanvu, Isimayiri mutabani wa Nesaniya,
muzzukulu wa Erisaama ow'olulyo olulangira n'ajja n'abasajja kkumi,

n'alumba Gedaliya era n'amutta, awamu n'Abayudaaya; n'Abakaludaaya abaali awamu naye e Mizupa nabo n'abatta.
26 Awo abantu bonna okuviira ddala ku wawansi okutuukira ddala ku w'eddaala erya waggulu, n'abamaggye abakulu bonna, ne baddukira e Misiri, nga batidde Abakaludaaya.

*Yekoyakini Ateebwa*

27 Awo Yekoyakini kabaka wa Yuda nga yakamala emyaka amakumi
asatu mu musanvu mu buwaŋŋanguse mu busibe, nga Evirumerodaki kyajje afuuke kabaka w'e Babulooni, Evirumerodaki n'ata Yekoyakini kabaka wa Yuda okuva mu kkomera ku lunaku olw'amakumi abiri mu omusanvu mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri.
28 N'ayogera naye ebigambo ebyekisa, n'amuwa n'ekitiibwa ekya waggulu okusinga ne bakabaka abalala abaali awamu naye mu buwaŋŋanguse mu busibe e Babulooni.
29 Awo Yekoyakini n'aggyamu ebyambalo bye eby'ekkomera n'aliiranga wamu ne kabaka w'e Babulooni ku mmeeza ya kabaka ennaku zonna ez'obulamu bwe.
30 Kabaka n'awanga Yekoyakini omugabo ogwa buli lunaku ennaku zonna ez'obulamu bwe.

# Ekitabo Ekiyitibwa Ebyomumirembe eky'Olubereberye

*Ebyafaayo by'Okuzaalibwa kwa Adamu Okutuuka ku Ibulayimu*

1 Adamu yazaala Seezi, Seezi n'azaala Enosi;
2 Enosi n'azaala Kenani, Kenani n'azaala Makalaleri, Makalaleri n'azaala Yaledi;
3 Yaledi n'azaala Enoka, Enoka n'azaala Mesuseera, Mesuseera n'azaala Lameka,
Lameka n'azaala Nuuwa.

4 Nuuwa n'azaala Seemu, ne Kaamu ne Yafeesi.
5 Batabani ba Yafeesi baali:
Gomeri, ne Magogi, ne Madayi, ne Yavani, ne Tubali, ne Meseki, ne Tirasi.
6 Batabani ba Gomeri baali:
Asukenaazi, ne Difasi* ne Togaluma.
7 Batabani ba Yavani baali:
Erisa, ne Talusiisi, ne Kittimu, ne Lodanimu.
8 Batabani ba Kaamu baali:
Kuusi, ne Mizulayimu, ne Puuti†, ne Kanani.
9 Batabani ba Kuusi baali:
Seeba, ne Kavira, ne Sabuta, ne Laama, ne Sabuteka.
Ne batabani ba Laama baali:
Seeba ne Dedani.
10 Kuusi n'azaala
Nimuloodi, Nimuloodi n'akula n'afuuka omusajja omuzira ow'amaanyi mu nsi.
11 Mizulayimu n'azaala
Ludimu, ne Anamimu, ne Lekabimu, ne Nafutukimu;
12 ne Pasulusimu, ne Kasulukimu (Abafirisuuti mwe basibuka), ne Kafutolimu.
13 Kanani n'azaala
Sidoni, ye mutabani we omukulu, ne Keesi;
14 n'Abayebusi, n'Abamoli, n'Abagirugaasi;
15 n'Abakiivi, n'Abaluki, n'Abasiini;
16 n'Aballuvadi, n'Abazemali n'Abakamasi.
17 Batabani ba Seemu baali:
Eramu, ne Asuli, ne Alupakusaadi, ne Ludi ne Alamu.
Ate batabani ba Alamu baali:
Uzi, ne Kuuli, ne Geseri, ne Meseki.‡
18 Alupakusaadi n'azaala Seera,
Seera n'azaala Eberi.
19 Eberi yazaala abaana babiri aboobulenzi,
erinnya ly'omu nga ye Peregi, amakulu nti ensi yali egabiddwamu, n'erinnya ly'omulala nga ye Yokutaani.

---

* **1:6** Difasi era ye Lifasi; laba mu Lub 10:3 † **1:8** Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya ‡ **1:17** Meseki era ye Masi; laba mu Lub 10:23

20 Yokutaani n'azaala
Alumodaadi, ne Serefu, ne Kazalumaveesi, ne Yera;
21 ne Kadolaamu, ne Uzali, ne Dikula;
22 ne Ebali, ne Abimayeeri, ne Seeba;
23 ne Ofiri, ne Kavira ne Yobabu. Era abo bonna be baali batabani ba Yokutaani.

24 Enda ya Seemu okutuuka ku Ibulaamu ye yali eno; Seemu n'azaala Alupakusaadi, Alupakusaadi n'azaala Seera,
25 Seera n'azaala Eberi, Eberi n'azaala Peregi, ne Peregi n'azaala Lewu.
26 Lewu n'azaala Serugi, Serugi n'azaala Nakoli, ne Nakoli n'azaala Teera,
27 Teera n'azaala wa Ibulaamu, oyo ye Ibulayimu.
28 Batabani ba Ibulayimu baali
Isaaka ne Isimayiri.
29 Luno lwe lulyo lwabwe:
Nebayoosi ye yali mutabani wa Isimayiri omukulu, ne kulyoka kuddako Kedali, ne Adubeeri, ne Mibusamu,
30 ne Misuma, ne Duma, ne Massa, ne Kadadi, ne Teema,
31 ne Yetuli, ne Nafisi ne Kedema. Eyo y'enda ya Isimayiri.

*Ezadde lya Ketula*

32 Batabani ba Ketula, omuweereza omukazi owa Ibulayimu be baali
Zimulaani, ne Yokusaani, ne Medani, ne Midiyaani, ne Isubaki ne Suwa.
Ate batabani ba Yokusaani baali
Seeba ne Dedani.
33 Batabani ba Midiyaani baali
Efa, ne Eferi, ne Kanoki, ne Abida ne Eruda.
Abo bonna be baali bazzukulu ba Ketula.

*Ezadde lya Sala*

34 Ibulayimu n'azaala Isaaka;
batabani ba Isaaka baali
Esawu ne Isirayiri.
35 Batabani ba Esawu baali
Erifaazi, ne Leweri, ne Yewusi, ne Yalamu ne Koola.
36 Batabani ba Erifaazi baali
Temani, ne Omali, ne Zeefi, ne Gatamu, ne Kenozi,
ne Timuna ne Amaleki.
37 Batabani ba Leweri baali
Nakasi, ne Zeera, ne Samma ne Mizza.
38 Batabani ba Seyiri baali
Lotani, ne Sobali, ne Zibyoni, ne Ana, ne Disoni, ne Ezeri ne Disani.
39 Batabani ba Lotani baali
Kooli, ne Komamu; Timuna yali mwannyina Lotani.
40 Batabani ba Sobali baali
Aliyani, ne Manakasi, ne Ebali, ne Seefi ne Onamu.
Ne batabani ba Zibyoni baali
Aya ne Ana.
41 Mutabani wa Ana yali
Disoni,
batabani ba Disoni nga be ba
Kamulani, ne Esubani, ne Isulani ne Kerani.

42 Batabani ba Ezeri baali
Birukani, ne Zaavani ne Yaakani;
batabani ba Disani baali
Uzi ne Alani.

*Bakabaka ba Edomu*

43 Bano be bakabaka abaafuga mu Edomu nga tewannabaawo kabaka mu Isirayiri abafuga:
Bera mutabani wa Byoli n'erinnya ly'ekibuga kye lyali Dinukaba.
44 Bera bwe yafa, Yokabu mutabani wa Zeera ow'e Bozula n'amusikira okuba kabaka.
45 Yokabu bwe yafa, Kusamu eyava mu nsi y'Abatemani, n'amusikira okuba kabaka.
46 Kusamu bwe yafa, Kadadi mutabani wa Bedadi, eyali awangudde Midiyaani mu nsi Mowaabu, n'afuga mu kifo kye n'erinnya ly'ekibuga kye lyali Avisi.
47 Kadadi bwe yafa, Samula ow'e Masuleka n'afuga mu kifo kye.
48 Samula bwe yafa, Sawuli ow'e Lekobosi ekiri okumpi n'omugga Fulaati, n'afuga mu kifo kye.
49 Sawuli bwe yafa, Baalukanani mutabani wa Akubooli n'afuga mu kifo kye.
50 Baalukanani bwe yafa, Kadadi n'afuga mu kifo kye, n'erinnya ly'ekibuga kye lyali Payi, ate nga mukyala we ye Meketaberi muwala wa Matuledi, ate era nga ye muzzukulu wa Mezakabu.
51 Kadadi naye n'afa.

Abakungu ba Edomu baali
Timuna, ne Aliya, Yesesi,
52 ne Okolibama, ne Era, ne Pinoni,
53 ne Kenozi, ne Temani, ne Mibuzali,
54 ne Magudyeri, ne Iramu.
Abo be baali abakungu ba Edomu.

# 2

*Abaana ba Isirayiri*

1 Bano be baali batabani ba Isirayiri:
Lewubeeni, ne Simyoni, ne Leevi, ne Yuda, ne Isakaali, ne Zebbulooni,
2 ne Ddaani, ne Yusufu, ne Benyamini, ne Nafutaali, ne Gaadi ne Aseri.

3 Batabani ba Yuda baali
Eri, ne Onani ne Seera, era nnyabwe ye yali Basusuwa Omukanani.
Eri, eyali mutabani wa Yuda omukulu n'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, era MUKAMA n'amutta.
4 Tamali muka mwana wa Yuda, n'azaalira Yuda Pereezi, ne Zeera.
Batabani ba Yuda bonna awamu baali bataano.

5 Batabani ba Perezi baali
Kezulooni ne Kamuli.
6 Batabani ba Zeera baali
Zimuli, ne Esani, ne Kemani, ne Kalukoli, ne Dala, bonna awamu bataano.
7 Mutabani wa Kalumi ye yali

Akali, eyaleetera Isirayiri emitawaana kubanga yayonoona mu ebyo ebyawongebwa.
8 Mutabani wa Esani ye yali
Azaliya.
9 Batabani ba Kezulooni baali
Yerameeri, ne Laamu ne Kerubayi.

10 Laamu n'azaala Amminadaabu,
Amminadaabu n'aba kitaawe n'azaala Nakusoni, eyali omukulu w'ekika kya Yuda.
11 Nakusoni n'azaala Saluma,
ne Saluma n'azaala Bowaazi,
12 Bowaazi ye n'azaala Obedi ate Obedi n'azaala Yese.

13 Yese n'azaala
Eriyaabu, eyali mutabani we omukulu; Abinadaabu nga ye wookubiri,
Simeeyi nga ye wookusatu,
14 Nesaneeri nga ye wookuna,
Laddayi nga ye wookutaano,
15 Ozemu n'aba ow'omukaaga,
Dawudi nga ye wa musanvu.
16 Bannyinaabwe be baali Zeruyiya ne Abbigayiri.
Batabani ba Zeruyiya baali basatu nga be ba Abisaayi, Yowaabu ne Asakeri.
17 Abbigayiri yali nnyina wa Amasa, ne Amasa n'azaala Yeseri Omuyisimayiri.

18 Kalebu mutabani wa Kezulooni n'azaala abaana mu Azuba mukyala we ate era ne mu Yeriyoosi.
Yeseri, ne Sobabu, ne Aludoni be baali abaana ba Azuba.
19 Azuba bwe yafa, Kalebu n'awasa Efulaasi, eyamuzaalira Kuuli.
20 Kuuli n'azaala Uli, Uli n'azaala Bezaleeri.

21 Oluvannyuma Kezulooni, ne yeebaka ne muwala wa Makiri kitaawe wa Gireyaadi, gwe yali afumbiddwa nga wa myaka nkaaga, n'amuzaalira Segubu.
22 Segubu n'azaala Yayiri, eyafuganga ebibuga amakumi abiri mu bisatu mu nsi ye Gireyaadi.
23 Naye Gesuli ne Alamu ne bawamba ebibuga bya Yayiri, Kenasi n'ebyalo byayo, byonna awamu byali ebibuga nkaaga.
Abo bonna be baali abazzukulu ba Makiri, kitaawe wa Gireyaadi.

24 Kezulooni ng'amaze okufa, Kalebu ne yeebaka ne maama we omuto Efulaasi eyali mukyala wa kitaawe, n'amuzaalira Asukuli, n'azaala Tekowa.

25 Yerumeeri mutabani wa Kezulooni omukulu yalina batabani be bataano nga be ba
Laamu, mutabani we omukulu, ne Buna, ne Oleni, ne Ozemu ne Akiya.
26 Wabula Yerumeeri yalina omukyala omulala ng'erinnya lye ye
Atala, era oyo yali nnyina Onamu.
27 Batabani ba Laamu mutabani omukulu owa Yerameeri baali

Maazi, ne Yamuni ne Ekeri.
28 Batabani ba Onamu be baali
Sammayi ne Yada,
ate batabani ba Sammayi nga be ba
Nadabu ne Abisuli.
29 Abisuli yalina omukyala erinnya lye Abikayiri, era n'amuzaalira Abani
ne Molidi.
30 Batabani ba Nadabu be baali
Seredi ne Appayimu, naye Seredi n'afa nga tazadde mwana.
31 Mutabani wa Appayimu yali
Isi, ate nga Isi ye kitaawe wa Akulayi.
32 Batabani ba Yada muganda we Sammayi be baali
Yeseri ne Yonasaani, naye Yeseri n'afa nga tazadde mwana.
33 Batabani ba Yonasaani be baali
Peresi ne Zaza.
Abo bonna be baali bazzukulu ba Yerameeri.

34 Sesani ye yalina baana ba buwala bokka,
ng'alina n'omuddu Omumisiri, erinnya lye Yala.
35 Sesani n'awaayo omu ku bawala be okufuumbirwa omuddu we
Yala, era omuwala n'azaala Attayi.
36 Attayi n'azaala Nasani,
ne Nasani n'azaala Zabadi.
37 Zabadi n'azaala Efulali,
ne Efulali n'azaala Obedi.
38 Obedi n'azaala Yeeku,
ne Yeeku n'azaala Azaliya.
39 Azaliya n'azaala Kerezi,
ne Kerezi n'azaala Ereyaasa.
40 Ereyaasa n'azaala Sisumaayi,
ne Sisumaayi n'azaala Sallumu.
41 Sallumu n'azaala Yekamiya,
ne Yekamiya n'azaala Erisaama.

42 Omwana omukulu owa Kalebu muganda wa Yerameeri,
ye yali Mesa, ate Mesa n'azaala Zifu.
Zifu n'azaala Malesa, Malesa n'azaala Kebbulooni.
43 Batabani ba Kebbulooni baali
Koola, ne Tappua, ne Lekemu, ne Sema.
44 Sema n'azaala Lakamu,
ne Lakamu n'azaala Yolukeyaamu.
Lekemu n'azaala Sammayi.
45 Mutabani wa Sammayi n'azaala Manoni,
ne Mawoni n'azaala Besuzuli.
46 Efa omukazi omulala owa Kalebu yamuzaalira
Kalani, ne Moza ne Gazezi.
Ate Kalani n'azaala omulenzi gwe yatuuma Gazezi.
47 Batabani ba Yadayi baali
Legemu, ne Yosamu, ne Gesani, ne Pereti, ne Efa ne Saafu.
48 Ate era Kalebu yalina omukazi omulala, Maaka eyamuzaalira
Seberi ne Tirukaana.

49 Mukazi we oyo yazaalayo n'omwana omulala erinnya lye Saafu, eyazaala Madumanna.
Seva n'azaala Makubena ne Gibea.
Muwala wa Kalebu ye yali Akusa.
50 Abo be baali bazzukulu ba Kalebu.

Batabani ba Kuuli baali Efulaasa omuggulanda,
Sobali n'azaala Kiriyasuyalimu,
51 Saluma n'azaala Besirekemu, ne Kalefu n'azaala Besugaderi.
52 Sabali eyazaala Kiriyasuyalimu, yalina abaana abalala nga be ba Kalowe, ne kimu kyakubiri eky'Abamenukosi,
53 n'ebika ebya Kiriyasuyalimu nga be ba Abayisuli, n'Abapusi,
n'Abasumasi, n'Abamisulayi. Muno mwe mwasibuka Abazolasi
n'Abayesutawooli.
54 Batabani ba Saluma baali
Besirekemu, n'Abanetufa, Atulosubesuyowabu, ne kimu kyakubiri eky'Abamanakasi, Abazooli,
55 n'ebika by'abawandiisi b'amateeka abaabeeranga e Yabezi, nga be
b'Abatirasi, Abasimeyasi, n'Abasukasi. Bano be Bakeeni abasibuka mu
Kammasi, era be baavaamu oluggya lwa Lekabu.

# 3

*Ennyumba ya Dawudi*

1 Bano be baana Dawudi be yazaalira mu Kebbulooni:

Omuggulanda ye yali Amunoni gwe yazaala mu Akinoamu Omuyezuleeri;
owookubiri ye yali Danyeri gwe yazaala mu Abbigayiri Omukalumeeri;
2 owookusatu ye yali Abusaalomu gwe yazaala mu Maaka muwala wa Talumaayi kabaka w'e Gesuli;
n'owookuna ye yali Adoniya gwe yazaala mu Kaggisi.
3 Owookutaano ye yali Sefatiya, gwe yazaala mu Abitali
n'ow'omukaaga nga ye Isuleyamu gwe yazaala mu Egula.

4 Bano omukaaga Dawudi be yazaalira mu Kebbulooni, gye yafugira emyaka musanvu n'emyezi mukaaga.

Dawudi yafugira mu Yerusaalemi emyaka amakumi asatu mu esatu,
5 era bano be baana be yazaalira eyo:

Simeeyi, ne Sobabu, ne Nasani, ne Sulemaani be yazaala mu Besusebba muwala wa Amiyeeri.
6 N'abalala baali Ibukali, ne Erisaama, ne Erifereti,
7 ne Noga, ne Nefegi, ne Yafiya,
8 ne Erisaama, ne Eriyada, ne Erifereti, bonna awamu mwenda.

9 Bano bonna be baali batabani ba Dawudi, obutabala batabani be abalala aba bazaana be. Tamali ye yali mwannyinaabwe.

*Olulyo lwa Sulemaani*

10 Mutabani wa Sulemaani yali Lekobowaamu,
ne Abiya nga ye mutabani wa Lekobowaamu,
ne Asa nga ye mutabani wa Abiya,
ne Yekosafaati nga ye mutabani wa Asa,
11 ne Yolaamu nga ye mutabani wa Yekosafaati,
ne Akaziya nga ye mutabani wa Yolaamu,
ne Yowaasi nga ye mutabani wa Akaziya,
12 Amaziya nga ye mutabani wa Yowaasi,
ne Azaliya nga ye mutabani wa Amaziya,
ne Yosamu nga ye mutabani wa Azaliya.
13 Akazi yali mutabani wa Yosamu,
ne Keezeekiya nga ye mutabani wa Akazi,
ne Manase nga ye mutabani wa Keezeekiya.
14 Amoni yali mutabani wa Manase,
ne Yosiya nga ye mutabani wa Amoni.
15 Batabani ba Yosiya baali
Yokanaani omuggulanda,
ne Yekoyakimu ye yali owookubiri,
ne Zeddekiya nga wa wakusatu,
ne Sallumu nga wakuna.
16 Batabani ba Yekoyakimu baali
Yekoniya
ne Zeddekiya.

### *Olulyo Olulangira Oluvannyuma lw'Okuva mu Buwaŋŋanguse*

17 Abaddirira mu lulyo lwa Yekoniya omuwambe be ba:
Seyalutyeri mutabani we,
18 ne Malukiramu, ne Pedaya, ne Senazzali, ne Yekamiya, ne Kosama
ne Nedabiya.
19 Batabani ba Pedaya baali
Zerubbaberi ne Simeeyi.
Batabani ba Zerubbaberi baali
Mesullamu ne Kananiya,
ne Seronisi nga ye mwannyinaabwe.
20 N'abalala abataano be yazaala baali Kasuba, ne Okeri, ne Berekiya,
ne Kasadiya ne Yusubukesedi.
21 Batabani ba Kananiya baali
Peratiya ne Yesukaya, ne mutabani wa Yesukaya nga ye Lefaya, ne mutabani wa Lefaya nga ye Alunani, ne mutabani wa Alumani nga ye Obadiya, ne mutabani wa Obadiya nga ye Sekaniya.
22 Ab'olulyo lwa Sekaniya baali
Semaaya mutabani we, ng'abazzukulu be ba Kattusi, ne Igali, ne Baliya, ne Neyaliya, ne Safati. Abazzukulu bonna awamu baali mukaaga.
23 Batabani ba Neyaliya baali
Eriwenayi, ne Kizukiya, ne Azulikamu, be baana basatu bonna awamu.
24 Batabani ba Eriwenayi baali
Kodaviya, ne Eriyasibu, ne Peraya, ne Akkubu, ne Yokanaani, ne Deraya ne Anami, be baana musanvu.

# 4

*Ebika Ebirala ebya Yuda*

1 Bazzukulu ba Yuda abalala baali
Pereezi, ne Kezulooni, ne Kalumi, ne Kuuli ne Sobali.
2 Leyaya mutabani wa Sobali n'azaala Yakasi, ne Yakasi n'azaala Akumayi ne Lakadi. Bano baali ba mu nnyumba ya Abazolasi.
3 Ne bano, be baali baganda ba Etamu,
ne Yezuleeri, ne Isuma, ne Idubasi, ne mwannyinaabwe nga ye Kazzereruponi.
4 Penueri n'azaala Gedoli, ne Ezeri n'azaala Kusa.
Bano be baali abazzukulu ba Kuuli, ng'omuzzukulu omukulu mu luggya ye Efulaasa, omukulembeze wa Besirekemu.
5 Asukuli n'azaala Tekowa eyalina abakyala babiri omu nga ye Keera omulala nga ye Naala.
6 Naala n'amuzaalira Akuzzamu, ne Keferi, ne Temeni ne Kaakusutali; era abo be baali abaana ba Naala.
7 Keera n'amuzaalira
Zeresi, ne Izukali, ne Esumani
8 ne Kakkozi eyali kitaawe wa Anubu, ne Zobeba, ate n'aba jjajja
w'ennyumba ya Akalukeri mutabani wa Kalumu.

9 Yabezi yali wa kitiibwa okusinga baganda be, ne nnyina n'amutuuma erinnya Yabezi amakulu nti, "Namuzaalira mu bulumi."
10 Yabezi n'akoowoola Katonda wa Isirayiri ng'agamba nti, "Ompeere ddala omukisa, ogaziye ensalo yange! Omukono gwo gubeere wamu nange, gunkuume obutagwa mu kabi konna, nneme okulumwa mu mutima." Katonda n'addamu okusaba kwe.

11 Kerubu muganda wa Suwa, n'azaala Mekiri, ate nga kitaawe wa Esutoni.
12 Esutoni n'azaala Besulafa, ne Paseya, ne Tekina eyali omukulembeze wa Irunakasi. Bano be basajja ab'e Leka.

13 Batabani ba Kenazi baali
Osuniyeri ne Seraya.
Batabani ba Osuniyeri baali
Kasasi ne Myonosaayi.
14 Myonosaayi n'azaala Ofula.
Ate Seraya n'azaala Yowaabu, ne Yowaabu ye yali jjajja wa Gekalasimu abaalinga abaweesi.
15 Batabani ba Kolebu mutabani wa Yefune baali
Iru, ne Era ne Naamu.
Ne Era n'azaala
Kenazi.
16 Batabani ba Yekalereri baali
Zifu, ne Zifa, ne Tiriya ne Asaleri.
17 Batabani ba Ezula baali
Yeseri, ne Meredi, ne Eferi, ne Yaloni.
Omu ku bakyala ba Meredi ye yali Bisiya muwala wa Falaawo, era n'amuzaalira Miryamu, ne Sammayi, ne Isuba eyazaala Esutemoa.
18 Abo be baana ba muwala wa Falaawo Bisiya, Meredi gwe yali awasizza.

Omukyala we Omuyudaaya yamuzaalira Yeredi kitaawe wa Gedoli, ne Keberi kitaawe wa Soko, ne Yekusyeri kitaawe wa Zanona.

19 Kodiya n'azaala abaana mu mwannyina wa Nakamu
era be baali ekika kya Keyira Omugalumi ne Esutemoa Omumaakasi.

20 Batabani ba Simoni baali
Amunoni, ne Linna, ne Benikanani, ne Tironi.
N'ab'ennyumba ya Isi baali
Zokesi ne Benizokesi.

21 Batabani ba Seera mutabani wa Yuda baali
Eri eyazaala Leka, kitaawe wa Malesa, ate era jjajja w'ebika by'abo abaalukanga linena e Besiyasubeya,

22 Yokimu ye yali jjajja w'abasajja ab'e Kozeba, ne Yowaasi ne Salafu abaafuganga Mowaabu ne Yasubirekemu. (Ebigambo bino bya mu biseera bya dda).

23 Abo be baali ababumbi b'ensuwa abaabeeranga e Netayimu n'e Gedera, era baabeeranga mu lubiri lwa kabaka nga bamukolera.

*Ekika kya Simyoni*

24 Batabani ba Simyoni baali
Nemweri, ne Yanini, ne Yalibu, ne Zeera ne Sawuli.

25 Mutabani wa Sawuli yali Sallumu, ne bazzukulu be nga be Mibusamu ne Misuma.

26 Mutabani wa Misuma yali
Kammweri, eyazaala Zakkuli, nga ate jjajja wa Simeeyi.

27 Simeeyi yalina abaana aboobulenzi kumi na mukaaga n'aboobuwala mukaaga, naye baganda be tebalina baana bangi, ekika kyabwe kyekyava tekyala nnyo ng'ekya Yuda.

28 Babeeranga mu Beeruseba, ne Molada, ne Kazalusuwali,

29 ne Biruka, ne Ezemu, ne Toladi,

30 ne Besweri, ne Koluma, ne Zikulagi,

31 ne Besumalukabosi, ne Kozalususimu, ne Besubiri ne Saalayimu. Bino byali bibuga byabwe okutuusa Dawudi lwe yalya obwakabaka.

32 Ebyalo byabwe ebirala byali Etamu, ne Ayini, ne Limmoni, ne Tokeni ne Asani, byonna awamu by'ebitaano,

33 n'ebyalo ebirala byonna ebyali byetoolodde ebibuga ebyo okutuukira ddala e Baali.

Eyo gye baasenga era ne bakuuma ebyafaayo by'obujjajjabwe.

34 Mesobabu, ne Yamulaki,
ne Yosa mutabani wa Amonya;

35 ne Yoweeri,
ne Yeeku mutabani wa Yosibiya, muzzukulu wa Seraya, muzzukulu wa Asyeri.

36 Eriwenayi, ne Yaakoba, ne Yesokaya,
ne Asaya, ne Adyeri, ne Yesimyeri, ne Benaya,

37 ne Ziza mutabani wa Sifi muzzukulu wa Alooni, muzzukulu wa Yedaya, muzzukulu wa Simuli, muzzukulu wa Semaaya.

38 Abo aboogeddwako baali bakulu ba bika byabwe.

Ennyumba zaabwe ne zeeyongera nnyo.
39 Be basenguka okwolekera omulyango gwa Gedoli ekiri ku luuyi olw’ebuvanjuba lw’ekiwonvu, nga banoonya aw’okulundira ebisibo byabwe.
40 Baalaba omuddo omugimu omulungi, n’ensi yali ngazi, ng’erimu emirembe era nga nteefu. Bazzukulu ba Kaamu be baaberangamu edda.
41 Abasajja abo aboogeddwako baaliwo mu mirembe gya Keezeekiya kabaka wa Yuda, era baalumba eweema za bazzukulu ba Kaamu n’Abamewuni abaabeeranga omwo ne babazikiririza ddala, obutalekaawo muntu n’omu wadde ekintu kyonna. Ne babeeranga omwo kubanga waaliyo omuddo ogw’okuwa ebisibo byabwe.
42 Awo abamu ku batabani ba Simyoni, abasajja enkumi ttaano nga bakulembeddwamu Peratiya, ne Neyaliya, ne Lefaya ne Wuziyeeri batabani ba Isi ne balumba Seyiri ensi ey’ensozi.
43 Era baazikiriza n’ekitundu ky’Abamaleki ekyali kisigaddewo, oluvannyuma ne basenga eyo, okutuusa olunaku lwa leero.

# 5

*Ekika kya Lewubeeni*

1 Batabani ba Lewubeeni, mutabani omukulu owa Isirayiri, ye yali omubereberye, naye nayonoona obufumbo bwa kitaawe, obusika bwe ng’omuggulanda ne buweebwa batabani ba Yusufu mutabani wa Isirayiri, kyeyava tabalirwa mu byafaayo ng’omubereberye.
2 Yuda yali w’amaanyi okusinga baganda be, era mu ye mwe mwava kabaka ow’eggwanga lya Isirayiri, wabula ebyobusika eby’obuggulanda byali bya mutabani wa Yusufu omukulu.
3 Batabani ba Lewubeeni, mutabani omukulu owa Isirayiri baali:

Kanoki, ne Palu, ne Kezulooni ne Kalumi.
4 Ab’enda ya Yoweeri baali
Semaaya mutabani we, ne Gogi muzzukulu we,
ne Simeeyi muzzukulu we.
5 Mikka yali mutabani wa Simeeyi,
ne Leyaya n’aba muzzukulu we, ne Baali n’aba muzzukulu we.
6 Mutabani wa Baali yali Beera, omukulu w’ekika ky’Abalewubeeni, Tirugazupiruneseri kabaka w’e Busuuli gwe yatwala mu buwaŋŋanguse.
7 Baganda be ng’enda zaabwe bwe zaali be bano:
Yeyeri omukulu w’ekika, Zekkaliya,
8 Bera mutabani wa Azozi, muzzukulu wa Sema, muzzukulu wa Yoweeri.

Be baasenga mu Aloweri okutuuka e Nebo ne Baalu Myoni.
9 Ate baasenga n’ebuvanjuba w’eddungu okutuukira ddala ku mugga Fulaati, kubanga amagana gaabwe gaali gaaze nnyo.
10 Awo ku mirembe gya Sawulo ne balumba Abakaguli, era Abakaguli ne bagwa mu mikono gyabwe, era bali ne beegazaanyiza mu nsi y’Abakaguli okutuukira ddala ku luuyi olw’ebuvanjuba olw’e Gireyaadi.

*Ekika kya Gaadi*

11 Bazzukulu ba Gaadi baabeeranga okuliraana Basani okwolek-
era Saleka.

12 Yoweeri ye yali omukulembeze, ne Safamu nga ye mumyuka we, ate
ne wabaawo ne Yanayi ne Safati mu Basani.
13 Baganda baabwe mu nda z'abajjajjaabwe bwe baali
Mikayiri, ne Mesullamu, ne Seeba, ne Yolayi, ne Yakani, ne Ziya, ne
Eberi, bonna awamu musanvu.
14 Bano be baali ab'omu nnyumba ya Abikayiri mutabani wa Kuuli,
muzzukulu wa Yalowa, muzzukulu wa Gireyaadi, muzzukulu wa
Mikayiri, muzzukulu wa Yesisayi, muzzukulu wa Yakudo, ne
muzzukulu wa Buzi.
15 Aki mutabani wa Abudyeri, muzzukulu wa Guni, omukulu
w'ennyumba yaabwe.

16 Baabeeranga mu Gireyaadi, mu Basani, ne mu bibuga byayo ebirala
ne mu malundiro g'e Saloni okutuuka ku nsalo yaayo.
17 Bino byonna byawandiikibwa mu bitabo ebyafaayo mu mirembe gya
Yosamu kabaka wa Yuda, ne Yerobowaamu kabaka wa Isirayiri.

18 Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase baalina
abasajja emitwalo ena mu enkumi nnya mu lusanvu mu nkaaga,
ab'amaanyi era nga bazira mu kukwata engabo, ekitala, ne mu kukozesa
obusaale, era nga batendeke mu kulwana.
19 Ne balumba Abakaguli, ne Yetuli, ne Nafisi ne Nodabu.
20 Olw'okwesiga n'okusaba Katonda okubabeera, baawangula Abakaguli
mu lutalo.
21 Baanyaga amagana g'ente, n'eŋŋamira emitwalo etaano, n'endiga
emitwalo abiri mu etaano n'endogoyi enkumi bbiri ate ne bawamba
n'abasajja emitwalo kkumi.
22 Era bangi ku bo battibwa kubanga olutalo lwali lwa Katonda. Ne
basenga eyo okutuusa lwe baawaŋŋangusibwa.

### *Ekitundu ky'Ekika kya Manase*

23 Abantu ab'ekitundu ky'ekika kya Manase baali bangi nnyo, era
baasenga mu nsi eya Basani okutuuka ku Baalukerumooni, ne Seniri, ne
ku lusozi Kerumooni.
24 Bano be baali abakulu b'ennyumba zaabwe: Eferi, ne Isi, ne Eryeri,
ne Azulyeri, ne Yeremiya, ne Kodaviya, ne Yakudyeri, abasajja abazira era
ab'amaanyi, abettutumu, nga gy'emitwe gy'ennyumba zaabwe.
25 Naye ne bakola ebibi ebimenya ebiragiro bya Katonda wa bajjaj-
jaabwe, ne bagoberera bakatonda baamawanga ag'omu nsi eyo, Katonda
be yazikiririza mu maaso gaabwe.
26 Katonda wa Isirayiri kyeyava akubiriza omwoyo gwa Puli kabaka
w'e Bwasuli, eyayitibwanga Tirugazupiruneseri, n'alumba Abalewubeeni,
n'Abagaadi n'ekitundu ekyali kisigaddewo ku Manase, n'abawamba era
n'abatwala mu buwaŋŋanguse e Kala, n'e Kaboli, n'e Kaala ne ku mugga
Gozani, gye bali n'okutuusa leero.

## 6

### *Ekika kya Leevi*

1 Batabani ba Leevi baali
Gerusoni, ne Kokasi ne Merali.

2 Batabani ba Kokasi ne baba
Amulaamu, ne Izukali, ne Kebbulooni, ne Wuziyeeri.
3 Ate abaana ba Amulaamu baali
Alooni, ne Musa ne Miryamu.
Batabani ba Alooni baali
Nadabu, ne Abiku, ne Eriyazaali ne Isamaali.
4 Eriyazaali n'azaala Finekaasi,
ate Finekaasi n'azaala Abisuwa;
5 Abisuwa n'azaala Bukki,
ate Bukki n'azaala Uzzi;
6 Uzzi n'azaala Zerakiya,
ne Zerakiya n'azaala Merayoosi;
7 Merayoosi n'azaala Amaliya,
ne Amaliya n'azaala Akitubu;
8 Akitubu n'azaala Zadooki,
ate Zadooki n'azaala Akimaazi;
9 Akimaazi n'azaala Azaliya,
ne Azaliya n'azaala Yokanaani;
10 Yokanaani n'azaala Azaliya (oyo ye yaweerezanga nga kabona mu yeekaalu sulemaani gye yazimba mu Yerusaalemi);
11 Azaliya n'azaala Amaliya,
ne Amaliya n'azaala Akitubu;
12 Akitubu n'azaala Zadooki,
ne Zadooki n'azaala Sallumu;
13 Sallumu n'azaala Kirukiya,
ne Kirukiya n'azaala Azaliya;
14 Azaliya n'azaala Seraya,
ne Seraya n'azaala Yekozadaki;
15 Yekozadaki yatwalibwa mu buwaŋŋanguse MUKAMA bwe yawaayo Yuda ne Yerusaalemi mu mukono gwa Nebukadduneeza.

16 Batabani ba Leevi baali
Gerusomu, ne Kokasi ne Merali.
17 Gano ge mannya g'abatabani ba Gerusomu,
ne Libuni ne Simeeyi.
18 Batabani ba Kokasi baali
Amulaamu, ne Izukali, ne Kebbulooni ne Wuziyeeri.
19 Batabani ba Merali baali
Makuli ne Musi.

Gino gy'emituba egy'Abaleevi okutandika ne bajjajja baabwe:
20 Abaava mu Gerusomu baali
Libuni mutabani we, ne Yakasi,
ne Zimura,
21 ne Yowa,
ne Iddo, ne Zeera,
ne Yeyaserayi.
22 Bazzukulu ba Kokasi baali
Amminadaabu mutabani we, Koola muzzukulu we,
Assiri muzzukulu we;
23 Erukaana muzzukulu we,
Ebiyasaafu muzzukulu we, Assiri muzzukulu we;

24 Takasi muzzukulu we, Uliyeri muzzukulu we, Uzziya muzzukulu we, ne Sawuli muzzukulu we.
25 Batabani ba Erukaana baali
Amasayi ne Akimosi,
26 ne bazzukulu be nga be ba Erukaana, ne Zofayi,
ne Nakasi,
27 ne Eriyaabu,
ne Yerokamu, ne Erukaana
ne Samwiri.
28 Batabani ba Samwiri baali
Yoweeri omuggulanda we,
n'owokubiri nga ye Abiya.
29 Bazzukulu ba Merali baali
Makuli, ne Libuni,
ne Simeeyi, ne Uzza,
30 ne Simeeyi, ne Kaggiya
ne Asaya, ng'omu ye kitaawe w'omulala nga bwe baddiriŋŋana.

31 Bano be basajja Dawudi be yalonda okukulira eby'ennyimba mu nnyumba ya MUKAMA, essanduuko ng'eteekeddwamu.
32 Baaweererezanga mu nnyimba mu maaso g'ekuŋŋaaniro ey'Eweema ey'Okusisikanirangamu, okutuusa Sulemaani lwe yazimba yeekaalu ya MUKAMA mu Yerusaalemi. Era bakolanga emirimu gyabwe, nga bagobererera ebiragiro ebyabaweebwa.

33 Bano be basajja abaaweerezanga, wamu ne batabani baabwe:
Okuva mu Abakokasi;
Kemani, omuyimbi,
mutabani wa Yoweeri, muzzukulu wa Samwiri,
34 muzzukulu wa Erukaana, muzzukulu wa Yerokamu,
muzzukulu wa Eryeri, muzzukulu wa Toowa,
35 muzzukulu wa Zufu, muzzukulu wa Erukaana,
muzzukulu wa Makasi, muzzukulu wa Amasayi;
36 muzzukulu wa Erukaana, muzzukulu wa Yoweeri,
muzzukulu wa Azaliya, muzzukulu wa Zeffaniya,
37 muzzukulu wa Takasi, muzzukulu wa Assiri,
muzzukulu wa Ebiyasaafu, muzzukulu wa Koola,
38 muzzukulu wa Izukali, muzzukulu wa Kokasi,
muzzukulu wa Leevi, mutabani wa Isirayiri.
39 Kemani yalina muganda we Asafu eyamuyambangako mu mulimu ogwo, era n'ab'enju ye baali bwe bati:
Asafu mutabani wa Berekiya, muzzukulu wa Simeeyi,
40 muzzukulu wa Mikayiri, muzzukulu wa Baaseya,
muzzukulu wa Malukiya,
41 muzzukulu wa Esuni,
muzzukulu wa Zeera, muzzukulu wa Adaaya,
42 muzzukulu wa Esani, muzzukulu wa Zimma,
muzzukulu wa Simeeyi,
43 muzzukulu wa Yakasi,
muzzukulu wa Gerusoni, mutabani wa Leevi.
44 Ne baganda be abalala abaamuyambangako baali abazzukulu ba Merali, mutabani wa Leevi,

Esani mutabani wa Kiisi, muzzukulu wa Abudi,
muzzukulu wa Malluki,
45 muzzukulu wa Kasukabiya,
muzzukulu wa Amaziya, muzzukulu wa Kirukiya, muzzukulu wa Amaziya,
46 muzzukulu wa Amuzi, muzzukulu wa Bani,
muzzukulu wa Semeri,
47 muzzukulu wa Makuli,
muzzukulu wa Musi, muzzukulu wa Merali,
mutabani wa Leevi.

48 Baganda baabwe Abaleevi baavunaanyizibwanga okukola emirimu gyonna egy'omu Weema, ye Nnyumba ya Katonda.

*Ennyumba ya Alooni*

49 Naye Alooni ne batabani be ne bazzukulu be, be baawangayo ku kyoto ebiweebwayo ebyokebwa ne ku kyoto eky'okwoterezangako obubaane olw'ebyo byonna ebyakolebwanga mu Kifo ekisinga Obutukuvu, olw'okutangirira Isirayiri, nga Musa, omuddu wa Katonda bwe yalagira.

50 Bano be baava mu nda ya Alooni:
mutabani we Eriyazaali, muzzukulu we Finekaasi,
muzzukulu we Abisuwa,
51 muzzukulu we Bukki,
muzzukulu we Uzzi, muzzukulu we Zerakiya,
52 muzzukulu we Merayoosi, muzzukulu we Amaliya,
muzzukulu we Akitubu,
53 muzzukulu we Zadooki,
ne muzzukulu we Akimaazi.

54 Bino by'ebifo ebyabaweebwa okutuulamu ng'ensi yaabwe era bino bye byali biweereddwa bazzukulu ba Alooni Abakokasi, kubanga be baasooka okufuna omugabo.
55 Baaweebwa Kebbulooni mu nsi ya Yuda, n'amalundiro agakyetoolodde,
56 naye ennimiro n'ebyalo ebyetoolodde ekibuga ekyo, byaweebwa Kalebu mutabani wa Yefune.
57 Bazzukulu ba Alooni baaweebwa Kebbulooni, ekibuga eky'okwekwekamu, Libuna n'amalundiro gaakyo,
58 Kireni n'amalundiro gaakyo, Debiri n'amalundiro gaakyo,
59 Asani n'amalundiro gaakyo, ne Besusemesi n'amalundiro gaakyo.
60 Ate n'okuva eri ekika kya Benyamini baaweebwa Gibyoni* ne Geba, ne Allemesi, ne Anasosi wamu n'amalundiro gaabyo. Ebibuga byonna awamu ebyaweebwa Abakokasi byali kkumi na bisatu.

61 Bazzukulu ba Kokasi abalala baweebwa ebibuga kkumi okuva ku nda ez'ekitundu ky'ekika kya Manase nga bakuba akalulu.
62 Bazzukulu ba Gerusoni, ng'enda zaabwe bwe zaali, baaweebwa ebibuga kkumi na bisatu okuva ku bika bya Isakaali, Aseri, Nafutaali, n'okuva ku kika kya Manase mu Basani.

* **6:60** Gibyoni erinnya eryo teryali mu muzingo ogwawandiikibwa mu Lwebbulaniya

63 Bazzukulu ba Merali ng'enda zaabwe bwe zaali, baaweebwa ebibuga
kkumi na bibiri okuva ku bika bya Lewubeeni, Gaadi ne Zebbulooni.

64 Awo Abayisirayiri ne bawa Abaleevi ebibuga ebyo ne babaweer-
ako n'amalundiro byabyo.

65 N'ebibuga okuva mu bika bya Yuda, ne Simyoni ne Benyamini
ebyogeddwako byabaweebwa nga bakuba akalulu.

66 Enda ezimu eza Kokasi zaaweebwa ebibuga okuva eri ensi
y'ekika kya Efulayimu.
67 Okuva eri ensi ya Efulayimu baaweebwa Sekemu, ekibuga
ky'obuddukiro, Gezeri,
68 ne Yokumyamu, ne Besukolooni,
69 ne Ayalooni ne Gasulimmoni, n'amalundiro gaabyo.
70 N'okuva eri ekitundu ky'ekika kya Manase, Abayisirayiri ne
babagabira Aneri ne Biryamu, wamu n'amalundiro byako eri enda
ezaali zisigaddewo eza Kokasi.

71 Abagerusomu baaweebwa ebifo bino wansi:
okuva eri ekitundu ky'ekika kya Manase baafuna Golani mu Basani ne
Asutoleesi, wamu n'amalundiro byako.
72 Okuva eri ekika kya Isakaali baafuna Kedesi, Daberasi
73 Lamosi ne Anemu wamu n'amalundiro gaabyo (byako);
74 okuva eri ekika kya Aseri, baafuna Masali, Abudoni,
75 Kukkoki ne Lekobu wamu n'amalundiro gaabyo;
76 n'okuva eri ekika kya Nafutaali baafuna Kedesi eky'omu Ggaliraaya,
ne Kammoni ne Kiriyasayimu wamu n'amalundiro byako.

77 Abaleevi abaali basigaddewo, be bazzukulu ba Merali,
baaweebwa ebifo bino wansi:
okuva eri ekika kya Zebbulooni baafuna Limunono ne Taboli wamu
n'amalundiro byabyo;
78 okuva eri ekika kya Lewubeeni, emitala wa Yoludaani ku luuyi
olw'ebuvanjuba lw'e Yeriko, baafuna Bezeri ekiri mu ddungu, Yaza,
79 Kedemosi ne Mefaasi wamu n'amalundiro byabyo;
80 n'okuva eri ekika kya Gaadi baafuna Lamosi ekiri mu Gireyaadi,
Makanayimu,
81 Kesuboni ne Yazeri wamu n'amalundiro byabyo.

# 7

*Ekika kya Isakaali*

1 Abaana ba Isakaali baali bana:
Tola, ne Puwa, ne Yasubu, ne Simuloni.
2 Batabani ba Tola baali
Uzzi, Lefaya, Yeryeri, Yamayi, Ibusamu ne Semweri, era be baali abakulu b'enda zaabwe. Ku mulembe gwa Dawudi, bazzukulu ba Tola baali abasajja abalwanyi nga bawera emitwalo ebiri mu enkumi bbiri mu lukaaga.
3 Uzzi n'azaala

Izulakiya.
Izulakiya n'azaala
Mikayiri, ne Obadiya, ne Yoweeri ne Issiya, era bonna baali bakulu.
4 Okusinziira ku nda yaabwe, baali basajja b'amaanyi era nga
balwanyi ba ntalo, nga balina abakyala n'abaana bangi, nga bawera
abasajja emitwalo esatu mu kakaaga.
5 Baganda baabwe bonna awamu abaali ab'ekika kya Isakaali baali abasajja abalwanyi emitwalo munaana mu kasanvu bonna awamu.

*Ekika kya Benyamini*

6 Benyamini yalina abatabani basatu,
Bera, ne Bekeri ne Yediyayeri.
7 Batabani ba Bera baali
Ezuboni, ne Uzzi, ne Wuziyeeri, ne Yerimosi ne Iri, be baana bataano, ate nga bonna bakulu b'enda zaabwe. Mu kubalibwa baali abasajja abalwanyi emitwalo ebiri mu enkumi bbiri mu amakumi asatu mu bana.
8 Batabani ba Bekeri baali
Zemira, ne Yowaasi, ne Eryeza, ne Eriwenayi, ne Omuli, ne Yeremosi, ne Abiya, ne Anasosi ne Alemesi. Bano be baali abaana ba Bekeri ate nga bonna bakulu b'enda zaabwe.
9 Mu kubalibwa baali abasajja abalwanyi emitwalo ebiri mu ebikumi
bibiri mu bibiri.
10 Mutabani wa Yediyayeri,
yali Birukani,
ate batabani ba Birukani nga be ba
Yewusi, ne Benyamini, ne Ekudi, ne Kenaana, ne Zesani, ne Talusiisi ne Akisakali.
11 Bano bonna baali bazzukulu ba Yediyayeri ate nga be bakulu b'enda
zaabwe. Era baali abasajja abalwanyi omutwalo gumu mu kasanvu mu
ebikumi bibiri.
12 Abasuppimu n'Abakupimu baali bazzukulu ba Iri, ate ng'Abakusimu bazzukulu ba Akeri.

*Ekika kya Nafutaali*

13 Batabani ba Nafutaali baali
Yaziyeri, ne Guni, ne Yezeri ne Sallumu, era bano be bazzukulu ba Biruka.

*Ekika kya Manase*

14 Bano be baali bazzukulu ba Manase:
Asuliyeri ne Makiri mukyala we Omwalamu. Be yamuzaalira. Makiri n'azaala Gireyaadi.
15 Makiri n'awasa okuva mu Bakupimu n'Abasuppimu, n'erinnya lya
mwannyina nga ye Maaka.
Omuzzukulu omulala yali Zerofekadi, era ng'alina baana ba buwala bokka.
16 Maaka mukyala wa Makiri n'azaala omwana wabulenzi n'amutuuma Peresi. Muganda we ye yali Seresi, nga ne batabani ba Seresi be ba Ulamu ne Lekemu.
17 Mutabani wa Ulamu yali
Bedani,
era bano nga be batabani ba Gireyaadi, mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase.

18 Mwannyina Kammolekisi n'azaala Isukondi, ne Abiyezeeri ne Makula.
19 Batabani ba Semida baali
Akyani, ne Sekemu, ne Liki ne Aniyamu.

*Ekika kya Efulayimu*

20 Mutabani wa Efulayimu yali
Susera, mutabani wa Susera nga ye Beredi, mutabani wa Beredi nga ye Takasi,
mutabani wa Takasi nga ye Ereyadda,
mutabani wa Ereyadda nga ye Takasi,
21 mutabani wa Takasi nga ye Zabadi,
ate mutabani wa Zabadi nga ye Susera.
Efulayimu yalina batabani be abalala babiri, nga be ba Ezeri ne Ereyaddi abattibwa mu nsi ya Gusi nga bagenze okubba (okunyaga) ente.
22 Efulayimu n'abakungubagira okumala ennaku nnyingi, era baganda
be ne bajja okumukungubagirako.
23 Awo Efulayimu n'amanya mukyala we, mukyala we n'azaala
omwana owoobulenzi omulala, n'amutuuma Beriya kubanga ennyumba
ye yatuukibwako emitawaana.
24 Ne muwala we yali Sera, era oyo yazimba Besukoloni ekya
eky'emmanga n'eky'engulu, ne Uzzemmuseera.
25 Efulayimu yalinayo n'omutabani omulala erinnya lye Leefa, nga ye kitaawe wa Lesefu,
Lesefu n'azaala Teera, Teera n'azaala Takani,
26 Takani n'azaala Ladani, Ladani n'azaala Ammikudi,
Ladani n'azaala Erisaama,
27 Erisaama n'azaala Nuuni,
Nuuni n'azaala Yoswa.
28 Ettaka lyabwe n'ebifo we baasenga byali Beseri n'obubuga obutono obukyetoolodde, ebuvanjuba w'e Naalani, ebugwanjuba w'e Gezeri, n'obubuga bwakyo, n'e Sekemu n'obubuga bwakyo, okutuukira ddala ku Azza n'obubuga obukyetoolodde.
29 Bazzukulu ba Yusufu, Abamanase, mutabani wa Isirayiri
babeeranga Besuseyani, n'e Taanaki, n'e Megiddo, n'e Doli n'obubuga
obwali bubiriranye.

*Ekika kya Aseri*

30 Abaana ba Aseri baali
Imuna, ne Isuva, ne Isuvi, ne Beriya, ne Seera mwannyinaabwe.
31 Batabani ba Beriya baali
Keberi ne Malukiyeeri, ne Malukiyeeri nga ye kitaawe wa Biruzayisi.
32 Keberi n'azaala Yafuleti, ne Somera, ne Kosamu ne mwannyinaabwe Suwa.
33 Batabani ba Yafuleti baali
Pasaki, ne Bimukali, ne Asuvasi.
34 Batabani ba Semeri baali
Aki, ne Loga, ne Yekubba ne Alamu.
35 Batabani ba muganda we Keremu baali Zofa, ne Imuna, ne Seresi ne Amali.
36 Batabani ba Zofa baali
Suwa, ne Kaluneferi, ne Suwali, ne Beri, ne Imula,
37 ne Bezeri, ne Kodi, ne Samma, ne Sirusa, ne Isulani ne Beera.
38 Batabani ba Yeseri baali

Yefune, ne Pisupa ne Ala.
39 Batabani ba Ulla baali
Ala, ne Kanieri ne Liziya.
40 Bano bonna baali bazzukulu ba Aseri, abamu nga bakulu ba nda zaabwe abalala nga basajja baakitiibwa, n'abalala nga balwanyi abazira, n'abalala nga baami bakulu ddala mu bitiibwa byabwe. Abasajja abalwanyi bonna awamu bawera emitwalo ebiri mu kakaaga.

# 8

*Ekika kya Benyamini*

1 Benyamini n'azaala Bera, era oyo ye yali omubereberye,
Asuberi nga ye wookubiri, Akala nga ye wookusatu;
2 Noka nga wakuna, ne Lafa nga ye wookutaano.
3 Batabani ba Bera baali
Addali, ne Gera, ne Abikudi,
4 ne Abisuwa, ne Naamani, ne Akowa
5 ne Gera, ne Sefufani ne Kulamu.
6 Bazzukulu ba Ekudi mutabani wa Gera baali bakulu b'enda z'abo abaabeeranga mu Geba nga baabatwala e Manakasi nga basibe era be bano:
7 Naamani, ne Akiya, ne Gera eyabakulembera nga bagenda mu buwaŋŋanguse, ate nga ye kitaawe wa Uzza ne Akikudi.
8 Sakalayimu n'azaala abaana abalala mu nsi y'e Mowaabu, ng'amaze okugoba abakyala be ababiri, Kusimu ne Baala.
9 Kodesi yamuzaalira Yokabu, ne Zibiya, ne Mesa, ne Malukamu,
10 ne Yewuzi, ne Sakiya, ne Miruma, era bano be baali abakulu b'enda
za bajjajjaabwe.
11 Kusimu yamuzaalira Abitubu ne Erupaali.
12 Batabani ba Erupaali baali
Eberi, ne Misamu, ne Semedi, eyazimba Ono ne Loodi n'ebibuga ebibyetoolodde,
13 Beriya, ne Sema abakulu b'enda z'abo abaabeeranga e Ayalooni, era
be baagoba abaabeeranga mu Gaasi.
14 Abaana abalala baali Akiyo, ne Sasaki, ne Yeremosi,
15 ne Zebadiya, ne Aladi, ne Ederi
16 ne Mikayiri, ne Isupa, ne Yoka,
17 ne Zebadiya, ne Mesullamu, ne Kizuki, ne Keberi,
18 ne Isumerayi, ne Izuliya, ne Yobabu.
19 Batabani ba Simeeyi baali Yakimu, ne Zikuli, ne Zabudi,
20 ne Eryenayi, ne Ziresayi, ne Eryeri,
21 ne Adaaya, ne Beraya, ne Simulasi.
22 Batabani ba Sasaki baali Isupani, ne Eberi, ne Eryeri,
23 ne Abudoni, ne Zikuli, ne Kanani,
24 ne Kananiya, ne Eramu, ne Anusosiya,
25 Sasaki ne Ifudeya ne Penueri.
26 Batabani ba Yerokamu baali Samuserayi, ne Sekaliya, ne Asaliya,
27 ne Yaalesiya, ne Eriya, ne Zikuli.
28 Bano wammanga be baali abakulu b'enda, abaami, nga bwe bayoger-
wako mu nnyiriri zaabwe, era baabeeranga mu Yerusaalemi.

29 Yeyeri omukulembeze we Gibyoni yabeeranga Gibyoni,
ne mukyala we ye yali Maaka.
30 Mutabani we omuggulanda yali Abudoni, ne Zuuli n'amuddirira, ne
Kiisi n'amuddako, ne Baali, ne Nadabu,
31 ne Gedoli, ne Akiyo, ne Zekeeri
32 ne Mikuloosi n'azaala Simeeyi. Nabo baabeeranga kumpi ne
baganda baabwe mu Yerusaalemi.
33 Neeri n'azaala Kiisi, ne Kiisi n'azaala Sawulo, ne Sawulo n'azaala
Yonasaani, ne Malukisuwa, ne Abinadaabu ne Esubaali.
34 Mutabani wa Yonasaani yali
Meribubaali, ye Mefibosesi, eyazaala Mikka.
35 Batabani ba Mikka baali
Pisoni, ne Mereki, ne Taleya ne Akazi.
36 Akazi n'azaala Yekoyaada, Yekoyaada n'azaala Alemesi, ne Azumavesi, ne Zimuli, ne Zimuli n'azaala Moza.
37 Moza n'azaala Bineya, Bineya n'azaala Lafa, ne Ereyaasa ne Azeri.
38 Azeri yazaala abaana aboobulenzi mukaaga, nga be ba
Azulikamu, ne Bokeru, ne Isimayiri, ne Seyaliya, ne Obadiya ne Kanani.
39 Batabani ba muganda we Eseki baali
Ulamu omubereberye, ne Yewusi nga ye owookubiri ne Erifereti nga ye wookusatu.
40 Batabani ba Ulamu baali basajja bazira era nga b'amaanyi, nga
balasi ba busaale, nga n'abaana n'abazzukulu bangi ddala.
Bonna awamu baali kikumi mu ataano. Abo bonna baali bazzukulu ba Benyamini.

# 9

*Ebika Ebyava mu Buwaŋŋanguse mu Babulooni*

1 Eggwanga lyonna erya Isirayiri lyabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe
bwe kwali era ne bawandiikibwa mu kitabo ky'ebyafaayo bya bassekabaka ba Isirayiri. Olw'okukola ebibi mu maaso ga MUKAMA, abantu ba
Yuda nabo baatwalibwa mu buwaŋŋanguse.
2 Abaasooka okubeera ewaabwe mu bibuga byabwe be baali Abayisirayiri abamu, ne bakabona, n'Abaleevi, n'abalala abaaweerezanga mu yeekaalu.
3 Abamu ku abo abaabeeranga mu Yerusaalemi nga bava mu Yuda, ne Benyamini, ne Efulayimu ne Manase baali:
4 Usayi mutabani wa Ammikudi, muzzukulu wa Omuli, muzzukulu wa Imuli, muzzukulu wa Bani, muzzukulu wa Pereezi, mutabani wa Yuda.
5 Ku Basiiro,
Asaya omuggulanda mu nnyumba ye, wamu ne batabani be.
6 Ku bazzukulu ba Zeera,
Yeweri n'ab'omu kika kye okuva mu Yuda abantu lukaaga mu kyenda.

7 Ku bazzukulu ba Benyamini,
Sallu mutabani wa Mesullamu, muzzukulu wa Kodaviya, muzzukulu wa Kassenuwa,
8 ne Ibuneya mutabani wa Yerokamu,
ne Era mutabani wa Uzzi, muzzukulu wa Mikuli,

ne Mesullamu mutabani wa Sefatiya, muzzukulu wa Leweri, muzzukulu wa Ibuniya.

9 Abantu b'omu kika kya Benyamini, baali bawera lwenda mu ataano mu mukaaga, ate nga bonna bakulu ba nda zaabwe.

10 Ku bakabona abaakomawo kwaliko
Yedaya, ne Yekoyalibu, ne Yakini,
11 ne Azaliya mutabani wa Kirukiya, muzzukulu wa Mesullamu, muzzukulu wa Zadooki, muzzukulu wa Merayoosi, muzzukulu wa Akituubu, omukulu eyavunaanyizibwanga ennyumba ya Katonda;
12 ne Adaaya mutabani wa Yerokamu, muzzukulu wa Pasukuli, muzzukulu wa Malukiya, ne Maasayi mutabani wa Adyeri, muzzukulu wa Yazera, muzzukulu wa Mesullamu, muzzukulu wa Mesiremisi, muzzukulu wa Immeri.
13 Bakabona abaali abakulu b'enda zaabwe baali lukumi mu lusanvu mu nkaaga. Baali basajja babuvunaanyizibwa mu buweereza bwabwe mu nnyumba ya Katonda.

14 Ku baleevi kwaliko:
Semaaya mutabani wa Kassubu, muzzukulu wa Azulikamu, muzzukulu wa Kasabiya, omu ku b'enda ya Merali,
15 ne Bakubakkali, ne Keresi, ne Galali ne Mattaniya mutabani wa Mikka, muzzukulu wa Zikuli, muzzukulu wa Asafu,
16 ne Obadiya mutabani wa Semaaya, muzzukulu wa Galali, muzzukulu wa Yedusuni;
ne Berekiya mutabani wa Asa, muzzukulu wa Erukaana, eyabeeranga mu byalo eby'Abanetofa.

17 Abaggazi ba wankaaki baali,
Sallumu, ne Akabu, ne Talumoni, ne Akimaani ne baganda baabwe abalala, era mukulu waabwe ye yali Sallumu;
18 be baayimiriranga ku ludda olw'ebuvanjuba olwa wankaaki ya
Kabaka, era gwe mulimu gwabwe n'okutuusa leero. Abo be baali abaggazi
ab'omu kika ky'Abaleevi.
19 Sallumu yali mutabani wa Koole, muzzukulu wa Ebiyasaafu, muzzukulu wa Koola, ne ab'omu nnyumba ya kitaawe be baavunaanyizibwanga okukuuma enzigi za yeekaalu nga bajjajjaabwe nabo bwe baavunaanyizibwanga omulyango gw'ekifo MUKAMA gy'abeera.
20 Finekaasi mutabani wa Eriyazaali ye yakuliranga abaggazi mu biro eby'edda, era MUKAMA n'abeeranga wamu naye.
21 Zekkaliya mutabani wa Meseremiya ye yali omuggazi ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu.
22 Bonna awamu, abaalondebwa okuba abaggazi b'emiryango baali bibiri mu kkumi na babiri, era baali baawandiikibwa mu byalo byabwe ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali.

Dawudi ne nnabbi Samwiri be bayawula emirimu gy'abaggazi nga bwe
gyali.
23 Bo ne bazzukulu baabwe, be baavunaanyizibwanga okukuuma enzigi
z'ennyumba ya MUKAMA, ennyumba eyayitibwanga Eweema.
24 Abaggazi baabeeranga ku njuyi ennya, olw'ebuvanjuba,
olw'ebugwanjuba, olw'obukiikakkono, n'olwobukiikaddyo,

25 era baganda baabwe okuva mu byalo byabwe, bajjanga mu mpalo ne
bakumanga okumala ebbanga kya nnaku musanvu.
26 Abaggazi abana, abaali Abaleevi, be baaweebwa obuvunaanyizibwa
okulabiriranga ebisenge eby'omunda n'amawanika ag'omu nnyumba ya
Katonda.
27 Baasulanga okuliraana ne nnyumba ya Katonda kubanga be baagiku-
umanga, era nga buli nkya be bavunaanyizibwa okugiggalawo.
28 Abamu ku bo baavunaanyizibwanga okukuuma ebintu ebyakozeseb-
wanga mu kuweereza mu yeekaalu, era nga be babala ennyingiza yaabyo
ne nfulumya yaabyo.
29 Abalala baavunaanyizibwanga okulabirira ebikozesebwa mu mir-
imu n'ebintu byonna eby'omu watukuvu, era nga be bavunaanyiz-
ibwa okulabirira obutta obulungi, n'omwenge, n'amafuta, n'omugavu,
n'ebyakaloosa.
30 Wabula abamu ku bakabona baategekanga byakaloosa.
31 Mattisiya mutabani wa Sallumu Omukoola, ate nga y'omu ku Baleevi,
ye yavunaanyizibwanga okufumba emigaati gy'ebiweebwayo,
32 era abamu ku baganda b'Abakokasi baavunaanyizibwanga okussanga
emigaati egya buli ssabbiiti ku mmeeza.
33 Abayimbi, abakulu b'ekika ky'Abaleevi baasulanga mu bisenge
eby'omunda wa Yeekaalu, era nga tebakola mulimu mulala gwonna
emisana n'ekiro okuggyako ogwo ogwabwe omutongole.
34 Abo bonna baali bakulu b'enda ez'Abaleevi, nga bwe baawandiikibwa
mu kuzaalibwa kwabwe, era baabeeranga mu Yerusaalemi.

*Enda ya Sawulo*

35 Yeyeri kitaawe wa Gibyoni era yatulanga mu Gibyoni,
n'erinnya lya mukyala we nga ye Maaka,
36 ne mutabani waabwe omuggulanda yali Abudoni, Zuuli
n'amuddirira, Kiisi n'addako, Baali n'addako, Neeri n'addako, Nadabu
n'addako,
37 ne Gedoli n'addako, Akiyo n'addako, Zekkaliya n'addako, Mikuloosi
n'asembayo.
38 Mikuloosi yazaala Simyamu, era nabo baabeeranga kumpi ne
baganda baabwe mu Yerusaalemi.
39 Neeri n'azaala Kiisi, Kiisi n'azaala Sawulo. Sawulo n'azaala
Yonasaani, ne Malukisuwa, ne Abinadaabu ne Esubaali.
40 Mutabani wa Yonasaani ye yali
Meribubaali, ne Meribubaali n'azaala Mikka.
41 Batabani ba Mikka baali
Pisoni, ne Mereki, ne Taleya ne Akazi.
42 Akazi n'azaala Yala, Yala n'azaala Alemesi, ne Azumavesi ne Zimuli,
ate Zimuli n'azaala Moza.
43 Moza n'azaala Bineya, Bineya n'azaala Lefaya, Lefaya n'azaala
Ereyaasa, Ereyaasa n'azaala Azeri.
44 Azeri yalina batabani be mukaaga, era gano ge gaali amannya gaabwe:
Azulikamu, ne Bokeru, ne Isimayiri, ne Seyaliya, ne Obadiya, ne
Kanani.

# 10

*Sawulo Yetta*

1 Awo Abafirisuuti ne balumba Isirayiri, abasajja Abayisirayiri ne babadduka era bangi ku bo ne battibwa ku Lusozi Girubowa.

2 Abafirisuuti ne bagobera ddala Sawulo ne batabani be, era batabani be Yonasaani, ne Abinadaabu ne Malukisiwa ne battibwa.

3 Olutalo ne lweyongerera ddala ne Sawulo ne yeeraliikirira nnyo, anti n'abalasi nga bamutuseeko era baamulasa n'alumizibwa.

4 Awo Sawulo n'agamba eyamusituliranga ebyokulwanyisa bye nti, "Sowola ekitala kyo, onfumite, ng'abasajja abo abatali bakomole tebannajja ku nswaza." Naye eyamusituliranga ebyokulwanyisa bye n'atya nnyo, era n'agaana. Sawulo kyeyava asowolayo ekitala kye n'akigwako.

5 Awo eyamusituliranga ebyokulwanyisa bwe yalaba nga Sawulo afudde, naye n'asowolayo ekikye ne yetta.

6 Sawulo n'afa bw'atyo ne batabani be bonsatule, era n'abo mu nnyumba ye bonna ne bafa.

7 Awo Abayisirayiri bonna abaali mu kiwonvu, bwe baalaba ng'eggye lyabwe lidduse, nga ne Sawulo ne batabani be bafudde, ne baleka ebibuga byabwe ne badduka, Abafirisuuti ne bajja ne babibeeramu.

8 Enkeera, Abafirisuuti bwe bajja okwambula abafudde, ne basanga Sawulo ne batabani be nga bafiiridde ku Lusozi Girubowa.

9 Ne bamwambula, ne bamuggyako ebyokulwanyisa bye, ne bamutemako omutwe, era ne batuma n'ababaka okuddayo mu nsi y'Abafirisuuti okubategeeza amawulire ago.

10 Ne bateeka ebyokulwanyisa bya Sawulo mu ssabo lya bakatonda baabwe, ate n'omutwe gwe ne guwanikibwa mu ssabo lya Dagoni.

11 Awo ab'e Yabesugireyaadi bonna bwe baawulira byonna Abafirisuuti bye baakola Sawulo,

12 abasajja abazira mu bo ne bagenda ne baggyayo omulambo gwa Sawulo n'eggya batabani be, ne bagireeta e Yabesi. Ne baziika amagumba gaabwe wansi w'omwera e Yabesi, era ne basiibira ennaku musanvu.

13 Bw'atyo Sawulo n'afa olw'obutaba mwesigwa eri MUKAMA, n'obutakwata kigambo kya MUKAMA, ate n'okulagulwa omusamize n'amwebuuzaako,

14 mu kifo ky'okwebuuza ku MUKAMA. MUKAMA kyeyava atta Sawulo n'obwakabaka n'abuwa Dawudi mutabani wa Yese.

# 11

### *Dawudi Afuuka Kabaka wa Isirayiri Yonna*

1 Isirayiri yenna ne bakuŋŋaanira eri Dawudi e Kebbulooni, ne boogera nti, "Laba tuli ba mubiri gwo, na musaayi gwo.

2 Mu biro eby'edda, Sawulo bwe yali kabaka ggwe wakulembera Isirayiri mu ntalo. Era MUKAMA Katonda wo n'akugamba nti, 'Ggwe olirabirira abantu bange Isirayiri, era oliba mukulembeze waabwe.' "

3 Awo abakadde ba Isirayiri bonna ne bakuŋŋaanira eri Kabaka Dawudi e Kebbulooni, n'akola endagaano nabo e Kebbulooni mu maaso ga MUKAMA, era ne bafuka amafuta ku Dawudi okuba kabaka wa Isirayiri, nga MUKAMA bwe yasuubiza mu kigambo kye ng'ayita mu Samwiri.

4 Awo Dawudi ng'ali wamu n'Abayisirayiri bonna ne boolekera Yerusaalemi, ye Yebusi. Ne basangayo Abayebusi abaabeerangamu.

5 Abayebusi ne bagamba Dawudi nti, "Tojja kuyingira muno." Naye Dawudi n'awamba ekigo kya Sayuuni, ky'ekibuga kya Dawudi.

6 Dawudi yali asuubizza nti, "Oyo anaakulembera okulumba Abayebusi,
ye aliba Omuduumizi w'eggye omukulu." Awo Yowaabu mutabani wa
Zeruyiya n'abakulembera era n'aweebwa obukulu obwo.
7 Awo Dawudi n'abeeranga mu kigo, era ne kituumibwa Ekibuga kya
Dawudi.
8 N'azimba ekibuga okukyetooloola, okuva ku Miiro okutuukira ddala
ku bbugwe w'ekibuga, ate Yowaabu ye n'addaabiriza ebitundu ebirala
eby'ekibuga.
9 Awo Dawudi ne yeeyongeranga okuba ow'amaanyi, kubanga MUKAMA
ow'Eggye yali wamu naye.

### *Abasajja Abazira aba Dawudi*

10 Bano be baali abasajja abalwanyi abazira aba Dawudi, abaamuwagi-
ranga ennyo mu bwakabaka bwe, wamu ne Isirayiri yenna okumufuulira
ddala kabaka ow'enkalakkalira ng'ekigambo kya MUKAMA kye yasuubiza
Isirayiri bwe kyali;
11 Bano be basajja ba Dawudi abalwanyi ab'amaanyi be yalina: Ya-
sobeyamu Omukakumoni, eyali omukulu w'abaduumizi abasatu; era
yayimusiza abasajja abalwanyi bisatu effumu lye bonna n'abatta mu
lulumbagana lumu.
12 Eyamuddiriranga mu buyinza ye yali Eriyazaali mutabani wa Dodo
Omwakowa, era nga y'omu ku baduumizi abasatu.
13 Yali wamu ne Dawudi e Pasudawinimu, bwe baali bakuŋŋaanidde eyo
okulwana, mu nnimiro eyalimu sayiri omungi, era abaserikale badduka
Abafirisuuti.
14 Naye baayimirira wakati mu nnimiro ne bagirwanirira, era ne batta
Abafirisuuti, nga MUKAMA y'abawadde obuwanguzi.
15 Awo abasajja basatu ne balaga mu mpuku ya Adulamu omwali
Dawudi, nga n'eggye ly'Abafirisuuti lisiisidde mu kiwonvu Lefayimu.
16 Mu kiseera ekyo Dawudi yali mu kigo, nga n'eggye ly'Abafirisuuti liri
e Besirekemu.
17 Dawudi n'ayagala amazzi, n'agamba nti, "Singa wabaddewo omuntu
anfunira amazzi ag'okunywa ag'omu luzzi oluli okumpi ne wankaaki ya
Besirekemu."
18 Awo abasajja abazira abasatu ne bawaguza mu ggye ly'Abafirisuuti,
ne basena amazzi okuva mu luzzi oluli okumpi ne wankaaki wa
Besirekemu, era ne bagatwalira Dawudi. Naye Dawudi mu kifo
ky'okuganywa yagawaayo ng'agafuka eri MUKAMA.
19 N'agamba nti, "Nnyinza ntya okunywa omusaayi gw'abasajja bano,
abawaddeyo obulamu bwabwe, okumpi n'okubufiirwa?" Olw'okuwaayo
obulamu bwabwe okugaleeta, Dawudi yali tasobola kuganywa.
Obwo nno bwe bwali obuzira bw'abasajja abo.
20 Abisayi muganda wa Yowaabu ye yali omukulu w'abo abasatu, era oyo
ye yayimusiza effumu abasajja abalwanyi bisatu era n'abatta, era kyeyava
ayatiikirira mu basatu.
21 Yali mwatiikirivu nnyo okusinga abasatu, aboolubereberye, era n'aba
muduumizi waabwe, newaakubadde nga teyabalibwa ng'omu ku bakulu.
22 Benaya mutabani wa Yekoyaada yali mulwanyi omuzira ow'e
Kabuzeeri, eyakola ebyobuzira bingi, era n'okutta yatta abasajja ababiri
abaali basingayo amaanyi mu Mowaabu. Ate era yakka mu bunnya mu
biro eby'omuzira n'atta empologoma.

23 Yatta Omumisiri omuwanvu ennyo eyali fuuti musanvu n'ekitundu.
Newaakubadde nga Omumisiri yalina effumu eryenkana omuti ogulukir-
wako engoye, Benaya ye yagenda gyali ng'alina omuggo, era n'amuggyako
effumu, n'alimuttisa.
24 Ebyo bye bimu ku byobuzira Benaya mutabani wa Yekoyaada bye
yakola, era naye n'ayatiikirira nga bali abasajja abasatu ab'amaanyi.
25 Yaweebwa ekitiibwa kya waggulu nnyo okusinga abakulu amakumi
asatu, newaakubadde nga teyatuuka ku ssa lya bali abasatu. Era Dawudi
yamufuula omukulu w'abambowa be.

26 Abasajja abazira ab'eggye baali:

Asakeri muganda wa Yowaabu,
ne Erukanani mutabani wa Dodo ow'e Besirekemu,
27 ne Sammosi Omukalooli,
ne Kerezi Omuperoni;
28 ne Ira mutabani wa Ikkesi Omutekowa,
ne Abiyezeeri Omwanasosi,
29 ne Sibbekayi Omukusasi,
ne Irayi Omwakowa,
30 ne Makalayi Omunetofa,
ne Keredi mutabani wa Bayaana Omunetofa,
31 ne Isayi mutabani wa Libayi ow'e Gibea ow'ekika kya Benyamini,
ne Benaya Omupirasoni,
32 ne Kulayi ow'oku bugga obw'e Gaasi,
ne Abiyeeri Omwalubasi,
33 ne Azumavesi Omubakalumi,
ne Eriyaba Omusaaluboni,
34 batabani ba Kasamu Omugizoni,
ne Yonasaani mutabani wa Sage Omukalali;
35 ne Akiyamu mutabani wa Sakali Omukalali,
ne Erifali mutabani wa Uli,
36 ne Keferi Omumekera,
ne Akiya Omuperoni,
37 ne Kezulo Omukalumeeri,
ne Naalayi mutabani wa Ezubayi,
38 ne Yoweeri muganda wa Nasani,
ne Mibukali mutabani wa Kaguli;
39 ne Zereki Omwamoni,
ne Nakalayi Omubeerosi, ey'etikkanga ebyokulwanyisa bya Yowaabu mutabani wa Zeruyiya,
40 ne Ira Omuyisuli,
ne Galebu Omuyisuli,
41 ne Uliya Omukiiti,
ne Zabadi mutabani wa Akulayi,
42 ne Adina mutabani wa Siza Omulewubeeni, eyali omukulembeze wa Balewubeeni, n'amakumi asatu abaabeeranga naye,
43 ne Kanani mutabani wa Maaka,
ne Yosafaati Omumisuni,
44 ne Uzziya Omwasutaloosi,
ne Samma ne Yeyeri batabani ba Kosamu Omwaloweri,

45 ne Yediyayeri mutabani wa Simuli,
ne muganda we Yoka, nga bombi Batiizi,
46 ne Eryeri Omumakavi,
ne Yeribayi ne Yosaviya batabani ba Erunaamu, ne Isuma Omumowaabu,
47 ne Eryeri, ne Obedi ne Yaasiyeri Omumezoba.

# 12

*Abawagizi ba Dawudi*

1 Bano be basajja abajja eri Dawudi e Zikulagi, gye yali yeekwese Sawulo mutabani wa Kiisi, era be bamu ku bamuyamba mu lutalo.
2 Baalina obusaale, era nga balasa bulungi, n'okuvuumuula nga
bavuumuula amayinja n'emikono gyabwe egya ddyo n'egya kkono, ate
nga balina oluganda ne Sawulo ow'ekika kya Benyamini.

3 Akiyezeeri ye yali omukulu, muganda we Yowaasi n'amuddirira, bombi nga batabani ba Semaa Omugibeya;
Yeziyeri ne Pereti batabani ba Azumavesi;
Beraka, ne Yeeku Omwanasoni,
4 ne Isumaya Omugibyoni, omusajja omuzira ku bali amakumi asatu,
era omukulu waabwe;
ne Yeremiya, ne Yakaziyeri, ne Yokanaani, ne Yozabadi Omugederi;
5 ne Eruzayi, ne Yerimosi, ne Beyaliya, ne Semaliya, ne Sefatiya
Omukalufu;
6 ne Erukaana, ne Issiya, ne Azaleri, ne Yowezeeri, ne Yasobeyamu, Abakoola;
7 ne Yowera ne Zebadiya, batabani ba yerokamu ow'e Gedoli.

8 Abamu ku Bagaadi be yawula ku bannaabwe, ne bagenda eri Dawudi
ku kigo kye mu ddungu. Baali basajja b'amaanyi abazira nga balina
amafumu n'engabo era nga beetegefu okulwana. Amaaso gaabwe gaali
nga ag'empologoma, era nga bawenyuka emisinde ng'empeewo mu nsozi.
9 Ezeri ye yali omukulu waabwe,
ne Obadiya n'amuddirira, ne Eriyaabu nga ye wookusatu,
10 ne Misumanna nga ye wookuna, ne Yeremiya nga ye wookutaano,
11 ne Attayi nga ye w'omukaaga, ne Eryeri nga ye w'omusanvu,
12 ne Yokanaani nga ye wa munaana, ne Eruzabadi nga ye wa mwenda,
13 ne Yeremiya nga ye wa kkumi, ne Makubannayi nga ye wa kkumi n'omu.

14 Abagaadi abo baali baduumizi ba ggye, era asembayo mu bukulu
ng'aduumira ekibinja eky'abantu lukumi.
15 Era abo be basajja abaasomoka omugga Yoludaani, mu mwezi
ogw'olubereberye, amazzi gaagwo bwe gaabimba ne ganjaala ku ttale
ne bagoba abo bonna abaabeeranga mu biwonvu, ebuvanjuba era
n'ebugwanjuba.
16 Abamu ku basajja ba Benyamini ne Yuda nabo beegatta ku Dawudi
mu kigo kye.
17 Dawudi n'afuluma okubasisinkana, n'abagamba nti, “Bwe muba
muzze gye ndi mu mirembe, okunyamba, ndimwetegefu okubasembeza.

Naye obanga muzze okundyamu olukwe eri abalabe bange, ate nga sirina musango, Katonda wa bajjajjaffe akirabe era abanenye.”
18 Awo Omwoyo n'aka ku Amasayi, omukulu w'abo amakumi asatu, n'ayogera nti,

“Ffe tuli babo, Dawudi!
Tuli naawe, Omwana wa Yese!
Obuwanguzi, Obuwanguzi gy'oli;
era Obuwanguzi bubeere eri abo abakuyamba,
kubanga Katonda wo ajja kukubeera.”

Awo Dawudi n'abaaniriza era n'abafuula bakungu mu ggye lye.
19 Abasajja abamu ab'ekika kya Manase ne badda ku ludda lwa
Dawudi, bwe yagenda n'Abafirisuuti okutabaala Sawulo newaakubadde
nga ye n'abasajja be tebayamba Abafirisuuti kubanga oluvannyuma
lw'okwetesaganyaamu, abakungu b'Abafirisuuti baamugoba. Baagamba
nti, “Bw'anadda ku ludda lwa mukama we Sawulo, tunaagwa mu
katyabaga.”
20 Dawudi bwe yali ng'agenda e Zikulagi, abasajja ab'ekika kya Manase
abaasalawo okumwegattako baali: Aduna, ne Yozabadi, ne Yediyayaeri, ne
Mikayiri, ne Yozabadi, ne Eriku, ne Zirresayi, n'abakungu abaakuliranga
ebibinja eby'olukumi mu Manase.
21 Baayamba nnyo Dawudi okulwana n'ebibinja bya bayeekera, kubanga
bonna baali baserikale bazira, ate nga baduumizi mu ggye lye.
22 Buli lwakyanga nga wabeerawo abasajja abajja okuyamba ate era
n'okwegatta ku Dawudi, okutuusa eggye lye bwe lyafuuka eddene,
ery'amaanyi.

### *Abasajja Abeegatta ku Dawudi e Kebbulooni*

23 Guno gwe muwendo gw'abasajja abaali beetegekedde olutalo abajja eri Dawudi e Kebbulooni, okuggya obwakabaka ku Sawulo okubumuwa, ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali:

24 abasajja ba Yuda abaakwatanga engabo n'effumu baali kakaaga mu lunaana abeetegese okulwana;
25 abasajja ba Simyoni, baali kasanvu mu kikumi;
26 abasajja ba Leevi, enkumi nnya mu lukaaga;
27 ng'omwo mwe muli Yekoyaada omukulu w'ennyumba ya Alooni
n'abasajja enkumi ssatu mu lusanvu;
28 ne Zadooki omuvubuka omulwanyi era omuzira, n'abakungu okuva
mu nnyumba ye amakumi abiri mu babiri.
29 Abalala baali abasajja aba Benyamini, baganda ba Sawulo, nga bali enkumi ssatu, era okutuusa ku lunaku olwo abo baali banyweredde ku ludda lwa Sawulo;
30 abasajja aba Efulayimu, abalwanyi abazira, ng'era batutumufu mu nda zaabwe, baali emitwalo ebiri mu lunaana;
31 abasajja ku kitundu eky'ekika kya Manase, abaayatulwa erinnya okujja okufuula Dawudi kabaka baali omutwalo gumu mu kanaana;
32 abasajja aba Isakaali abategeera ebiseera, ne bamanya ebigwanidde Isirayiri baali abakulembeze ebikumi bibiri, n'ab'eŋŋanda zaabwe bonna abaabagobereranga;
33 abasajja aba Zebbulooni, nga baserikale bamanyirivu mu by'entalo, nga balina buli kya kulwanyisa kyonna, abayamba Dawudi n'omutima gumu baali emitwalo etaano;

34 abasajja aba Nafutaali baali abakulu lukumi, n'abasajja abaakwatanga engabo n'amafumu nga bali emitwalo esatu mu kasanvu;
35 abasajja aba Ddaani baali emitwalo ebiri mu kanaana mu lukaaga;
36 abasajja aba Aseri, nga baserikale bamanyirivu mu ntalo baali emitwalo ena;
37 emitala wa Yoludaani, wavaayo abasajja aba Lewubeeni, aba Gaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase, abaalina ebyokulwanyisa ebya buli ngeri, nga bali emitwalo kkumi n'ebiri.

38 Abo bonna baali basajja balwanyi abeewaayo mu bitiibwa byabwe.

Ne bajja e Kebbulooni okuweereza n'okufuula Dawudi kabaka wa Isirayiri yenna.
39 Eyo ne bamalayo ennaku ssatu ne Dawudi nga balya, nga banywa,
ebyo ab'eŋŋanda zaabwe bye baali babasibiridde.
40 Ate era waaliyo ne baliraanwa baabwe ab'e Isakaali, ne Zeb-
bulooni, ne Nafutaali abaabaleeteranga emmere ku ndogoyi, ne ku
ŋŋamira, ne ku nnyumbu ne ku nte, era baalina eŋŋaano nnyingi, ne
keeke ez'ettiini, n'ebirimba eby'ezabbibu, n'omwenge, n'amafuta, n'ente
n'endiga. Baasanyuka essanyu lingi nnyo nnyini mu Isirayiri.

# 13

*Essanduuko Ekomezebwawo*

1 Dawudi n'ateesa n'abaduumizi be ab'enkumi n'ab'ekikumi.
2 N'ayogera eri ekkuŋŋaaniro ly'abantu bonna aba Isirayiri nti, "Bwe
munaasiima, era nga kwe kusiima kwa MUKAMA Katonda waffe, ekigambo
kitwalibwe era kibune eri baganda baffe mu nsi yonna eya Isirayiri,
n'eri bakabona, n'Abaleevi ababeera nabo mu bibuga byabwe ne mu
malundiro, bajje batwegatteko.
3 Tukomyewo essanduuko ya Katonda waffe, kubanga tetwamwebu-
uzangako mu mirembe gya Sawulo."
4 Olukuŋŋaana lwonna ne likikiriziganyako, kubanga ky'alabika nga
kigambo kirungi mu maaso g'abantu bonna.
5 Awo Dawudi n'akuŋŋaanya Abayisirayiri bonna okuva ku Sikoli
omugga gw'e Misiri okutuuka ku wayingirirwa e Kamasi, n'aleeta essan-
duuko ya Katonda okugiggya e Kiriyasuyalimu.
6 Dawudi n'Abayisirayiri bonna ne bagenda e Baala, ye Kiriyasuyal-
imu, ekya Yuda okuggyayo essanduuko ya Katonda atuula ku ntebe
ey'obwakabaka wakati wa bakerubi, eyitibwa erinnya lya MUKAMA.
7 Ne basitulira essanduuko ya Katonda ku ggaali eriggya okuva mu
nnyumba ya Abinadaabu, nga Uzza ne Akiyo be bagikulembera.
8 Dawudi ne Isirayiri yenna ne basanyuka nnyo mu maaso ga Ka-
tonda n'amaanyi gaabwe gonna, nga bayimba nga bakuba entongooli,
n'ennanga, n'ebitaasa, n'ebisaala, n'amakondeere.
9 Bwe baatuuka ku gguuliro lya Kidoni, ente ezaali zisika essanduuko ne
zeesittalamu, Uzza n'agolola omukono gwe okutereeza essanduuko.
10 Obusungu bwa MUKAMA ne bubuubuukira Uzza, n'afiirawo, kubanga
yakwata ku ssanduuko. N'afiira mu maaso ga Katonda.
11 Awo Dawudi n'anyiiga nnyo kubanga obusungu bwa MUKAMA
bwagwa ku Uzza, era ekifo ekyo ne kituumibwa Perezuzza, ne leero.

12 Dawudi n'atya nnyo Katonda ku lunaku olwo, n'abuuza nti, “Nnyinza
ntya okuleeta essanduuko ya Katonda gye ndi?”
13 Awo n'atatwala ssanduuko mu kibuga kya Dawudi, naye n'agitwala
mu nnyumba ya Obededomu Omugitti.
14 Essanduuko ya Katonda n'ebeera mu maka ga Obededomu okumala
emyezi esatu, ne MUKAMA n'awa ennyumba ye n'ebintu bye byonna
omukisa.

# 14

1 Kabaka Kiramu ow'e Ttuulo n'atuma ababaka ne batwala emivule,
ne bagenda n'abazimbi b'amayinja, n'ababazzi eri Dawudi okumuzimbira
olubiri.
2 Awo Dawudi n'ategeera nga MUKAMA amunywezezza okuba kabaka wa
Isirayiri, era nga n'obwakabaka bwe bwagulumizibwa nnyo olw'abantu
ba MUKAMA Isirayiri.
3 Dawudi ne yeeyongera okuwasa abakazi abalala mu Yerusaalemi, ne
bamuzaalira abaana abalala bangi aboobulenzi n'aboobuwala.
4 Amannya g'abaana abaamuzaalirwa ge gaano: Sammuwa, ne Sobabu,
ne Nasani, ne Sulemaani,
5 ne Ibukali, ne Eriswa, ne Erupereti,
6 ne Noga, ne Nefegi, ne Yafiya,
7 ne Erisaama, ne Beeriyadda, ne Erifereti.
8 Awo Abafirisuuti bwe baawulira nti Dawudi yafukibwako amafuta
okuba kabaka wa Isirayiri yenna, ne bambuka okugenda okumunoonya,
naye Dawudi n'akiwulirako era n'agenda okubatabaala.
9 Abafirisuuti baali bazze nga bazinze ekiwonvu Lefayimu;
10 Dawudi ne yeebuuza ku MUKAMA nti, “Ŋŋende ntabaale Abafirisuuti?
Onoobagabula mu mukono gwange?” MUKAMA n'amuddamu nti, “Genda,
kubanga nnaabagabula mu mukono gwo.”
11 Awo Dawudi n'ayambuka ne basajja be e Baaluperazimu, n'atabaala
Abafirisuuti n'abawangula. N'ayogera nti, “Katonda awangudde abalabe
bange n'omukono gwe, ng'amazzi bwe gawaguza.” Era ekifo ekyo
kyekyava kituumibwa Baaluperazimu.
12 Abafirisuuti baali balese awo balubaale baabwe be beekolera, Dawudi
n'alagira okwokya balubaale abo.
13 Abafirisuuti ne badda, ne bazinda ekiwonvu.
14 Awo Dawudi n'addamu ne yeebuuza ku MUKAMA, MUKAMA
n'amuddamu nti, “Tobatabaalirawo, naye beetooloole, obalumbe
ng'obafuluma mu maaso g'emitugunda.
15 Awo bw'onoowulira eddoboozi ery'okukumba waggulu mu mitu-
gunda, onootabaala, kubanga ekyo kinaategeeza nti Katonda akukulem-
bedde okuzikiriza eggye ly'Abafirisuuti.”
16 Dawudi n'akola nga MUKAMA bwe yamulagira, ne bazikiriza eggye
ly'Abafirisuuti, okuva e Gibyoni okutuuka e Gezeri.
17 Awo ettutumo lya Dawudi ne libuna ensi zonna, MUKAMA n'aleetera
amawanga gonna okutya Dawudi.

# 15

*Essanduuko Ereetebwa e Yerusaalemi*
1 Dawudi bwe yamala okwezimbira embiri ze mu kibuga kya Dawudi,
n'ategekera essanduuko ya Katonda ekifo, n'agikubira eweema.

2 Awo Dawudi n'ayogera nti, "Tewali muntu yenna akkirizibwa kusitula essanduuko ya Katonda wabula Abaleevi, kubanga MUKAMA be yalonda okugisitula, era n'okumuweerezanga ennaku zonna."

3 Dawudi n'akuŋŋaanya Abayisirayiri bonna mu Yerusaalemi, okulinny-
isa essanduuko ya MUKAMA mu kifo kyayo kye yali agitegekedde.

4 N'ayita abazzukulu ba Alooni n'Abaleevi:

5 ku bazzukulu ba Kokasi,
Uliyeri omukulembeze ne baganda be kikumi mu abiri;
6 ku bazzukulu ba Merali,
Asaya omukulembeze ne baganda be bibiri mu abiri;
7 ku bazzukulu ba Gerusomu,
Yoweeri omukulembeze ne baganda be kikumi mu asatu;
8 ku bazzukulu ba Erizafani,
Semaaya omukulembeze ne baganda be ebikumi bibiri,
9 ku bazzukulu ba Kebbulooni,
Eryeri omukulembeze ne baganda be kinaana;
10 ku bazzukulu ba Wuziyeeri,
Amminadaabu omukulembeze ne baganda be kikumi mu kkumi na babiri.

11 Awo Dawudi n'atumya Zadooki ne Abiyasaali bakabona, ne Uliyeri, ne Asaya, ne Yoweeri, ne Semaaya, ne Eryeri ne Amminadaabu Abaleevi,
12 n'abagamba nti, "Mmwe bakulembeze mu nnyumba z'Abaleevi, era mmwe ne baganda bammwe mujja kwetukuza, mulyoke mwambuse essanduuko ya MUKAMA Katonda wa Isirayiri, okugiteeka mu kifo kye ngitegekedde.
13 Kubanga mmwe temwagisitula omulundi ogwasooka MUKAMA Ka-
tonda waffe kyeyava atusunguwalira, olw'obutamwebuuzaako okutegeera nga bwe kyalagibwa."
14 Awo bakabona n'Abaleevi ne beetukuza okulinnyisa essanduuko ya MUKAMA, Katonda wa Isirayiri.
15 Abaleevi ne basitulira essanduuko ya MUKAMA ku bibegabega byabwe n'emisituliro gyako, nga Musa bwe yalagira, ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali.
16 Awo Dawudi n'alagira abakulembeze b'Abaleevi okulonda baganda baabwe okuba abayimbi, nga bayimba ennyimba ez'essanyu, nga bakuba ebivuga: entongooli, n'ennanga, n'ebitaasa.
17 Abaleevi ne balonda Kemani mutabani wa Yoweeri, ku baganda be ne
balonda Asafu mutabani wa Berekiya, ne ku batabani ba Merali, baganda baabwe, ne balonda Esani mutabani wa Kusaya;
18 ne baganda baabwe abaabaddiriranga nga be ba Zekkaliya, ne Yaaziyeri, ne Semiramosi, ne Yeyeri, ne Unni, ne Eriyaabu, ne Benaaya, ne Maaseya, ne Mattisiya, ne Erifereku, ne Mikuneya, n'abaggazi Obededomu ne Yeyeeri,
19 ne Kemani, ne Asafu, ne Esani abayimbi abaalina okukuba ebitaasa eby'ebikomo;
20 ne Zekkaliya, ne Aziyeri, ne Semiramosi, ne Yekyeri, ne Unni, ne Eriyaabu, ne Maaseya ne Benaya baali baakukuba entongooli ez'ekyalamosi;

21 naye Mattisiya, ne Erifereku, ne Mikuneya, ne Obededomu, ne Yeyeri,
ne Azaziya baali baakukulemberamu nga bakuba ennanga ez'ekiseminisi.
22 Kenaniya omukulembeze w'Abaleevi mu by'okuyimba, avunaanyiz-
ibwe eby'okuyimba kubanga yali mukugu mu byo.
23 Berekiya ne Erukaana be baali abaggazi b'omulyango gw'ekifo
essanduuko mw'ebeera.
24 Sebaniya, ne Yosafaati, ne Nesaneri, ne Amasayi, ne Zekkaliya, ne
Benaya, ne Eryeza be bakabona abaafuuwanga amakondeere mu maaso
g'essanduuko ya Katonda. Obededomu ne Yekiya n'abo baali baggazi
b'omulyango gw'ekifo essanduuko mw'ebeera.
25 Awo Dawudi n'abakadde aba Isirayiri, n'abaduumizi b'enkumi ne
bagenda okwambusa essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA okugiggya mu
nnyumba ya Obededomu nga basanyuka.
26 Olw'okubeera Katonda kwe yabeera Abaleevi abaali basitudde essan-
duuko ey'endagaano ya MUKAMA, baawaayo sseddume z'ente musanvu ne
z'endiga musanvu nga ssaddaaka.
27 Dawudi yali ayambadde olugoye olwa linena, ng'Abaleevi bonna
abaali basitudde essanduuko, era ng'abayimbi ne Kenaniya eyali avu-
naanyizibwa okuyimba. Dawudi yali ayambadde n'ekkanzu eya linena.
28 Awo Isirayiri yenna ne bambusa essanduuko ey'endagaano
ya MUKAMA nga baleekaana n'amaloboozi ag'essanyu, n'eddoboozi
ery'eŋŋombe, ery'amakondeere, n'ebitaasa, era nga bakuba nnyo enton-
gooli n'ennanga.
29 Awo essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA bwe yali ng'eyingizibwa
mu kibuga kya Dawudi, Makali muwala wa Sawulo n'alingiza mu ddirisa,
n'alaba Kabaka Dawudi ng'azina era ng'ajjaguza, n'amunyooma mu
mutima gwe.

# 16

1 Awo ne baleeta essanduuko ya MUKAMA, ne bagiyingiza mu weema
Dawudi gye yali agisimbidde, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa
n'ebiweebwayo olw'emirembe eri Katonda.
2 Awo Dawudi bwe yamala okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa
n'ebiweebwayo olw'emirembe, n'asabira abantu omukisa mu linnya lya
MUKAMA,
3 era n'agabira buli Muyisirayiri omusajja n'omukazi, omugaati n'ekitole
eky'ezabbibu enkalu, n'ekiyungula ky'ennyama.
4 Yalonda abamu ku Baleevi okuweerezanga mu maaso g'essanduuko
ya MUKAMA, okukoowoola nga basaba, nga beebaza, era nga batendereza
MUKAMA, Katonda wa Isirayiri.
5 Asafu ye yali omukulu waabwe, Zekkaliya n'amuddirira, Yeyeeri
n'addako, n'oluvannyuma Semiramosi, ne Yekyeri, ne Mattisiya, ne
Eriyaabu, ne Benaya, ne Obededomu, ne Yeyeri, abookukuba entongooli
n'ennanga, Asafu ye ng'akuba ebitaasa.
6 Benaya ne Yakaziyeeri bakabona be baafuuwanga amakondeere bulijjo
mu maaso g'essanduuko ey'endagaano ya Katonda.

### *Zabbuli ya Dawudi ey'Okwebaza*

7 Awo ku lunaku olwo, Dawudi n'alagira Asafu n'abantu be yakolanga
nabo, basooke okwebaza MUKAMA nga bagamba nti:
8 Mwebaze MUKAMA, mukoowoole erinnya lye,
mumanyise ebikolwa bye mu mawanga.

9 Mumuyimbire, muyimbe okumutendereza
mwogere ku byamagero bye byonna.
10 Erinnya lye ligulumizibwe,
n'emitima gy'abo abanoonya MUKAMA gisanyuke.
11 Mutunuulire MUKAMA n'amaanyi ge;
munoonye amaaso ge ennaku zonna.

12 Mujjukire ebyewuunyo by'akoze,
n'ebyamagero bye, n'ensala ye ey'emisango gy'alangirira,
13 mmwe abazzukulu ba Isirayiri, abaweereza be,
mmwe abaana ba Yakobo, abalonde be.
14 Ye MUKAMA Katonda waffe;
okusalawo kwe okw'emisango kubuna ensi yonna.

15 Ajjukira endagaano ye emirembe gyonna,
n'ekigambo kye yalagira, okutuusa ku mirembe olukumi,
16 gye yakola ne Ibulayimu,
era n'agirayiza Isaaka.
17 N'aginyweza ng'etteeka eri Yakobo,
n'eri Isirayiri ng'endagaano ey'olubeerera,
18 ng'agamba nti, "Ndikuwa ensi ya Kanani, ng'omugabo, ogw'obusika
bwo."

19 Omuwendo gwabwe bwe gwali omutono,
era omutono ddala, nga batambuze mu yo,
20 baatambulatambulanga okuva mu nsi emu okudda mu ndala,
n'okuva mu bwakabaka obumu okudda mu bantu abalala.
21 Teyaganya muntu n'omu kubanyigiriza;
weewaawo, yanenya bakabaka ku lwabwe:
22 ng'agamba nti, "Temukwatanga ku abo be nnafukako amafuta,
so bannabbi bange temubakolanga akabi."

23 Muyimbire MUKAMA, mmwe ensi zonna;
mulangirire obulokozi bwe buli lunaku.
24 Mubuulire ekitiibwa kye mu mawanga,
n'ebikolwa bye ebyamagero mu bantu bonna.

25 MUKAMA mukulu era asaanira okutenderezebwa;
era atiibwenga okusinga bakatonda abalala bonna.
26 Bakatonda bonna abamawanga bifaananyi,
naye MUKAMA ye yakola eggulu.
27 Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge,
amaanyi n'essanyu biri wamu naye.

28 Mugulumize MUKAMA, mmwe ebika eby'amawanga byonna,
mutende ekitiibwa kya MUKAMA awamu n'amaanyi ge.
29 Muyimusize MUKAMA ekitiibwa ekigwanira erinnya lye;
muleete ekiweebwayo, mujje mu maaso ge;
musinze MUKAMA mu kitiibwa ky'obutukuvu bwe.
30 Mukankane mu maaso ge ensi yonna,
weewaawo ensi nywevu, teyinza kusesetulwa.

31 Eggulu lisanyuke, n'ensi ejaguze;
boogere mu mawanga nti, "MUKAMA afuga!"
32 Ennyanja ewuume, n'ebigirimu byonna,
n'ennimiro zijaguze, n'okujjula kwazo!
33 Awo emiti egy'omu kibira ginaayimba,
ginaayimbira MUKAMA n'essanyu,
kubanga akomawo okusalira ensi omusango.

34 Weebaze MUKAMA kubanga mulungi;
era okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
35 Mwogerere waggulu nti, "Tulokole, Ayi Katonda ow'obulokozi bwaffe;
tukuŋŋaanye, otulokole eri amawanga,
twebaze erinnya lyo ettukuvu,
era tujagulize mu ttendo lyo."
36 MUKAMA yeebazibwe, Katonda wa Isirayiri
ow'emirembe n'emirembe.
Abantu bonna ne baddamu nti, "Amiina, MUKAMA yeebazibwe."

37 Awo Dawudi n'aleka Asafu n'ababeezi be, okuweereza MUKAMA mu
maaso g'essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA, nga bwe kyagwaniranga
buli lunaku.
38 Obededomu n'ababeezi be enkaaga mu omunaana nabo yabaleka
baweereze eyo. Obededomu mutabani wa Yedusuni, era ne Kosa be baali
abaggazi.
39 Dawudi yaleka Zadooki, kabona ne bakabona banne mu maaso
g'eweema ya MUKAMA mu kifo ekigulumivu e Gibyoni
40 okuwangayo ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA ku kyoto
eky'ebiweebwayo ebyokebwa, buli nkya na buli kawungeezi, nga byonna
bwe byawandiikibwa mu mateeka ga MUKAMA, ge yawa Isirayiri.
41 Kemani ne Yedusuni n'abalala abaalondebwa ne bayitibwa amannya
gaabwe okwebaza MUKAMA, "kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe
gyonna," baali wamu nabo.
42 Era Kemani ne Yedusuni baavunaanyizibwanga okufuuwa amakon-
deere, n'okukuba ebitaasa, n'okukubira ebivuga ebirala ku luyimba lwa
Katonda. Batabani ba Yedusuni baabeeranga ku wankaaki.
43 Awo abantu bonna ne baddayo ewaabwe, ne Dawudi n'addayo
okusabira ennyumba ye omukisa.

# 17

*Okusuubiza kwa MUKAMA eri Dawudi*

1 Awo Dawudi ng'amaze okukkalira mu nnyumba ye mu lubiri,
n'agamba nnabbi Nasani nti, "Teebereza, nze mbeera mu lubiri olwazim-
bibwa n'emivule, naye nga essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA ebeera
mu weema."
2 Nasani n'addamu Dawudi nti, "Ky'olowooza kyonna mu mutima gwo
kikole, kubanga Katonda ali wamu naawe."
3 Ekiro ekyo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Nasani nti,
4 "Genda otegeeze omuddu wange Dawudi nti, 'Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA nti si gwe ojja okunzimbira ennyumba mwe nnaabeeranga.
5 Sibeeranga mu nnyumba kasookedde nzija Isirayiri mu Misiri,
okutuusa ku lunaku lwa leero. Nvudde mu weema emu ne nzira mu ndala,
ne nva mu kifo ekimu ne nzira mu kirala.

6 Mu bifo byonna bye ntambuddemu ne Isirayiri yenna, nnina kye nnali ŋŋambye omulamuzi wa Isirayiri, kw'abo be nalagira okukulembera abantu bange nti, "Kiki ekibalobedde, okunzimbira ennyumba ey'emivule?" '

7 "Kaakano nno tegeeza omuddu wange Dawudi nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'eggye nti, nakuggya ku ttale ng'olunda ndiga, ne nkufuula omukulembeze ow'abantu bange Isirayiri.

8 Mbadde naawe buli gy'ogenze, era nzikiririzza abalabe bo bonna mu maaso go. Ndifuula erinnya lyo okuba ekkulu, ne liba ng'erimu ku g'abasajja abamanyiddwa mu nsi.

9 Era abantu bange Isirayiri ndibawa ekifo, kibeere ekifo kyabwe eky'olubeerera, nga tebatawanyizibwa, n'abantu ababi tebalibacocca, nga bwe baakolanga olubereberye,

10 era nga bwe bakola kati kasookedde nnonda abalamuzi okufuga abantu bange Isirayiri. Ndikuwa obuwanguzi okuba omukulembeze w'abantu bange Isirayiri. Ndikuwa obuwanguzi eri abalabe bo bonna.

" 'Nkirangirira gy'oli kaakano nti MUKAMA alikuzimbira ennyumba:

11 Ennaku zo bwe zirituuka, era n'ogenda okubeera ne bajjajjaabo, ndiyimusa ezzadde lyo okuba obusika bwo, omu ku batabani bo ddala, era ndinyweza obwakabaka bwe.

12 Oyo y'alinzimbira ennyumba, era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe emirembe gyonna.

13 Ndiba kitaawe, naye aliba mwana wange, era sirimukyawa, nga bwe nakyawa oyo eyakusooka.

14 Ye y'aliba omukulu mu nnyumba yange ne mu bwakabaka bwange emirembe gyonna, era entebe ye ey'obwakabaka eribeerera emirembe gyonna.' "

15 Awo Nasani n'ategeeza Dawudi ebigambo byonna eby'okubikkulirwa okwo.

*Esaala ya Dawudi*

16 Awo Kabaka Dawudi n'agenda n'atuula mu maaso ga MUKAMA n'ayogera nti,

"Nze ani, Ayi MUKAMA Katonda, era ennyumba yange kye ki, gwe okuntuusa wano?

17 Kino tekyali kitono mu maaso go, okwogera ku bigenda okuba ku nnyumba ey'omuddu wo, n'ontunuulira ng'omu ku basajja abasingirayo ddala ekitiibwa, Ayi MUKAMA Katonda.

18 "Dawudi ayinza kwongerako ki ku ebyo okumuwa ekitiibwa bwe kityo, kubanga ggwe omanyi omuddu wo.

19 Olw'omuddu wo Ayi MUKAMA Katonda, n'olw'okusiima kwo, okoze ebintu bino ebikulu, era n'osuubiza ebintu ebyo byonna ebikulu bwe bityo.

20 "Tewaliwo akufaanana, Ayi MUKAMA, era tewali Katonda mulala wabula ggwe, okusinziira ku bye twewuliridde n'amatu gaffe.

21 Era ggwanga ki mu nsi erifaanana ng'abantu bo Isirayiri, eggwanga Katonda lye wanunula ggwe kennyini, ne weekolera erinnya, era n'okola ebikolwa eby'amaanyi, n'ebyewunyisa bwe wagoba amawanga okuva mu maaso g'abantu bo, be wanunula okuva mu Misiri?

22 Abantu bo Abayisirayiri wabafuulira ddala babo emirembe gyonna, era ggwe Ayi MUKAMA wafuuka Katonda waabwe.

23 "Kaakano, Ayi MUKAMA Katonda, kye wasuubiza omuddu wo n'ennyumba ye kinywezebwe emirembe gyonna.

24 Kola nga bwe wasuubiza, erinnya lyo ligulumizibwenga emirembe gyonna, n'abantu boogerenga nti, MUKAMA ow'Eggye, Katonda afuga Isirayiri, ye Katonda wa Isirayiri! Era ennyumba ey'omuddu wo Dawudi erinywezebwa mu maaso go.
25 "Ayi Katonda wange, wakibikulidde omuddu wo nti olimuzimbira ennyumba, era omuddu wo kyavudde ajja okukwebaza.
26 Ggwe Ayi MUKAMA oli Katonda, era osuubizza omuddu wo ebirungi ebyo.
27 Kaakano osiimye okuwa ennyumba ey'omuddu wo omukisa, ebeerewo emirembe gyonna mu maaso go kubanga, ggwe Ayi MUKAMA Katonda ogiwadde omukisa, era egya kuba ya mukisa emirembe gyonna."

# 18

*Obuwanguzi bwa Dawudi*

1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, Dawudi n'awangula Abafirisuuti, era n'awamba ne Gaasi n'ebyalo ebyali bikyetoolodde okuva mu mukono gw'Abafirisuuti.
2 Dawudi n'awangula n'Abamowaabu, ne bafuuka baddu be, ne bamuwanga obusuulu.
3 Ate era Dawudi yalwanagana ne Kadalezeri kabaka w'e Zoba okutuukira ddala e Kamasi, bwe yali ng'anyweza okufuga kwe ku nsalo ey'Omugga Fulaati.
4 Dawudi n'amuwambako amagaali lukumi, n'abeebagala embalaasi abasajja kasanvu, n'abasajja abeebigere emitwalo ebiri. Embalaasi endala zonna ez'amagaali n'azitema enteega, ne yeerekerawo kikumi.
5 Awo Abasuuli ab'e Ddamasiko bwe bajja okudduukirira Kadalezeri kabaka w'e Zoba, Dawudi n'abattamu abantu emitwalo ebiri mu enkumi bbiri.
6 N'ateeka olusiisira lw'eggye lye mu Busuuli e Ddamasiko, era Abasuuli baafuuka baweereza be, ne bamutonera ebirabo. MUKAMA n'awa Dawudi obuwanguzi buli gye yatabaalanga.
7 Dawudi n'atwala engabo eza zaabu abaserikale ba Kadalezeri ze baasitulanga, n'azireeta e Yerusaalemi.
8 Mu Tibukasi ne mu Kuni, ebibuga ebyali ebya Kadadezeri n'aggyayo ebikomo bingi nnyo, era ebyo Sulemaani bye yakolamu ennyanja ey'ekikomo, n'empagi, n'ebintu eby'ebikomo ebirala.
9 Awo kabaka Toowu ow'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi awangudde eggye lyonna erya Kadadezeri, kabaka w'e Zoba
10 n'atuma mutabani we Kadolaamu eri kabaka Dawudi okumulamusaako n'okumuyozaayoza okuwangula olutalo wakati we ne Kadadezeri, kubanga Kadadezeri yalwananga ne Toowu. Kadolaamu yaleeta zaabu, n'effeeza, n'ebikomo, nga bya ngeri za ngyawulo.
11 Ebintu byonna ebyaleetebwa, kabaka Dawudi yabiwonga eri MUKAMA, nga bwe yakola effeeza ne zaabu gye yawamba ku mawanga amalala nga Edomu ne Mowaabu, n'Abamoni, n'Abafirisuuti, ne Amaleki.
12 Ye Abisaayi mutabani wa Zeruyiya yattira abasajja ba Edomu omutwalo gumu mu kanaana mu Kiwonvu eky'Omunnyo.
13 Era yateeka olusiisira lw'abaserikale mu Edomu, era aba Edomu bonna ne bafuuka baweereza ba Dawudi. MUKAMA n'awa Dawudi obuwanguzi mu bifo byonna gye yatabaalanga.

14 Dawudi n'afuga Isirayiri yenna, mu bwenkanya ne mu butuukirivu abantu be bonna.

15 Yowaabu mutabani wa Seruyiya ye yali omuduumizi w'eggye;
Yekosafaati mutabani wa Akirudi nga ye mujjukiza;
16 Zadooki mutabani wa Akitubu ne Abimereki mutabani wa Abiyasaali be baali bakabona;
Savusa ye yali muwandiisi;
17 Benaya mutabani wa Yekoyaada ye yakuliranga Abakeresi n'Abaperesi;
ate batabani ba Dawudi baali bakungu bakulu ddala era nga babeera ku lusegere lwa kabaka.

## 19

1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, nga wayiseewo ebbanga, Nakasi kabaka w'Abamoni n'afa, mutabani we n'amusikira.
2 Dawudi n'alowooza nti, "Nzija kulaga ebyekisa Kanuni mutabani wa Nakasi, kubanga ne kitaawe yankolera ebyekisa." Awo Dawudi n'amuweereza ababaka okumukubagiza nga kitaawe amaze okufa.
Naye abasajja ba Dawudi bwe baatuuka eri Kanuni mu nsi ey'Abamoni okumukubagiza,
3 abakungu b'abaana ba Amoni ne bagamba Kanuni nti, "Olowooza nga Dawudi assaamu kitaawo ekitiibwa, bwakuweerezza abakubagizza? Era olowooza nga, abasajja be tebazze kulawuna na kuketta nsi era na kugirya?"
4 Awo Kanuni n'alagira abasajja ba Dawudi bakwatibwe, n'abamwako enviiri n'abasalako n'ebirevu, n'asala ebyambalo byabwe wakati okukoma ku nnyuma, n'oluvannyuma n'abagoba baddeyo.
5 Awo Dawudi bwe yawulira bye baakola abasajja be yatuma, n'abagamba nti, "Musigale e Yeriko okutuusa ebirevu byammwe lwe birikula, mulyoke mukomewo."
6 Awo abaana ba Amoni bwe baalaba nga Dawudi abanyiigidde; bo ne kabaka waabwe Kanuni ne baweereza ttani eza ffeeza amakumi asatu mu nnya e Mesopotamiya n'e Alamumaaka, ne Zoba, okubeyazikako amagaali n'abeebagala embalaasi.
7 Beeyazika amagaali n'abeebagala embalaasi emitwalo esatu mu enkumi bbiri, era ne kabaka w'e Maaka n'eggye lye, abajja okumwegattako ne basiisira okumpi ne Medeba. Abaana ba Amoni bo baakuŋŋaana okuva mu bibuga byabwe ne bagenda okutabaala.
8 Olwawulira ekyo, Dawudi n'aweereza Yowaabu n'eggye lyonna ery'abasajja abalwanyi abazira.
9 Abamoni ne bavaayo bategeke okutabaala nga basimbye ennyiriri ku wankaaki w'ekibuga kyabwe, ate nga bakabaka abaali bazze okubayamba baali bokka ku ttale.
10 Awo Yowaabu bwe yalaba ng'abalabe bamutabaala mu maaso n'emabega, n'alonda mu basajja be, abasajja abazira mu Isirayiri, era abo n'abaweereza okulwana n'Abasuuli.
11 Abalala n'abakwasa Abisaayi muganda we okubaduumira, ne bagenda okulwana n'Abamoni.
12 Yowaabu n'agamba muganda we nti, "Abasuuli bwe banaaba nga bansinza amaanyi, onojja n'ombeera, naye Abamoni bwe banaaba nga bakusinza amaanyi nange nzija kujja nkubeere.

13 Guma omwoyo, tulwanirire abantu baffe n'ebibuga bya Katonda waffe
n'obuzira. MUKAMA akole ng'okusiima kwe bwe kuli."

14 Awo Yowaabu n'abalwanyi be yalina ne batabaala Abasuuli, Abasuuli
ne babadduka.
15 Abaana ba Amoni bwe balaba ng'Abasuuli badduse, nabo ne badduka
Abisaayi muganda wa Yowaabu, ne bayingira ekibuga. Awo Yowaabu
n'addayo e Yerusaalemi.

16 Abasuuli bwe baalaba nga Isirayiri abawangudde, ne batuma
ababaka, okuggyayo Abasuuli abaali emitala w'Omugga Fulaati, nga Sofaki
omuduumizi ow'eggye lya Kadalezeri yabakulembedde.

17 Awo Dawudi bwe yategeezebwa ebyo, n'akuŋŋaanya Isirayiri yenna,
n'asomoka Yoludaani nabo, n'agenda n'abalumba n'asimba ennyiriri
ng'abesimbye mu maaso. Dawudi n'atandika okulwana n'Abasuuli, n'abo
ne bamulwanyisa.
18 Naye Abasuuli ne badduka Isirayiri, era Dawudi n'atta abeebagala
embalaasi kasanvu, n'abaserikale ab'ebigere emitwalo ena. Ate n'atta ne
Sofaki omuduumizi w'eggye lyabwe.

19 Awo abantu ba Kadalezeri bwe baalaba nga bawanguddwa Isirayiri,
ne batabagana ne Dawudi era ne bafuuka abaddu be; so n'Abasuuli
tebakkiriza kuyamba abaana be Amooni nate.

# 20

*Labba Kiwambibwa*

1 Awo mu biro, bakabaka mwe bagenderanga okulwana, Yowaabu
n'akulembera eggye, n'azisa ensi y'abaana ba Amoni, ate era n'azingiza
Labba. Naye Dawudi ye n'asigala mu Yerusaalemi, Yowaabu ye n'alumba
Labba, n'akizikiriza.
2 Awo Dawudi n'addira engule eyali eya kabaka waabwe, obuzito
bwayo kilo asatu mu nnya eza zaabu, nga mu yo baateekamu amayinja
ag'omuwendo, n'agitikka ku mutwe. N'atwala n'omunyago mungi ddala
okuva mu kibuga ekyo.
3 Yatwala abantu abaali mu kibuga ekyo n'abawa emirimu nga bakozesa
n'emisumeeno, n'ensuuluuulu, n'embazzi. Bw'atyo Dawudi bwe yakola
ebibuga byonna eby'abaana ba Amoni, oluvannyuma ye n'eggye lye
lyonna ne baddayo e Yerusaalemi.

4 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo ne wabalukawo entalo
n'Abafirisuuti e Gezeri. Mu kiseera ekyo Sibbekayi Omukusasi n'atta
Sippayi omu ku bazzukulu b'agasajja aganene ddala, era ne bawangula
Abafirisuuti.
5 Mu lutalo olulala n'Abafirisuuti, Erukanani mutabani wa Yayiri n'atta
Lakani muganda wa Goliyaasi Omugitti, eyalina olunyago lw'effumu
olwali ng'omuti ogulukirwako engoye.
6 Mu lutalo olulala olwali e Gaasi, waaliwo omusajja omuwanvu ennyo
eyali omu ku bazzukulu b'agasajja aganene, ng'alina engalo mukaaga ku
buli mukono, n'obugere mukaaga ku buli kigere.
7 Yasoomooza nnyo Isirayiri, era Yonasaani mutabani wa Simeeyi,
muganda wa Dawudi n'amutta.
8 Abo bonna baali bazzukulu ba lisajja Laafa ow'e Gaasi, era bonna ne
bagwa mu mikono gya Dawudi n'abasajja be.

# 21

*Okubalibwa kw'Abayisirayiri*

1 Awo Setaani n'atandika okulwana ne Isirayiri, Dawudi
n'asendebwasendebwa okubala Abayisirayiri.
2 Dawudi n'alagira Yowaabu, n'abaduumizi b'eggye nti, "Mugende mubale Abayisirayiri okuva e Beeruseba okutuuka e Ddaani, mukomewo, muntegeeze bwe beenkana."
3 Naye Yowaabu n'amuddamu nti, "MUKAMA ayongere ku bantu be, n'okusingawo emirundi kikumi. Mukama wange kabaka, bonna si baweereza ba mukama wange, kale kiki ekimukoza kino? Lwaki aleetera Isirayiri emitawaana?"
4 Naye ekigambo kya kabaka ne kisinga ebya Yowaabu, era Yowaabu n'agenda n'abuna Isirayiri yonna, n'akomawo e Yerusaalemi.
5 Yowaabu n'ategeeza Dawudi omuwendo gw'abasajja abalwanyi. Mu Isirayiri mwalimu abasajja abalwanyi akakadde kamu n'emitwalo kkumi, ng'okwo kw'otadde emitwalo amakumi ana mu emitwalo musanvu abaali mu Yuda.
6 Naye teyabalirako Baleevi n'Ababenyamini, kubanga ekiragiro kya kabaka tekyasanyusa Yowaabu.
7 Ekikolwa ekyo ky'okubala abantu, kyali kya kivve mu maaso ga Katonda era n'abonereza Isirayiri.
8 Awo Dawudi n'agamba Katonda nti, "Nnyonoonye nnyo olw'ekikolwa ekyo. Kaakano, nkusaba ogyewo obutali butuukirivu obw'omuddu wo, kubanga nkoze ekintu eky'obusirusiru ennyo."
9 MUKAMA Katonda n'ayogera ne nnabbi Gaadi eyaluŋŋamyanga
Dawudi nti,
10 "Genda otegeeze Dawudi nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti: nkuteekeddewo eby'okulondako bisatu, weerobozeeko ekimu kye nnaakukola.' "
11 Awo Gaadi n'agenda eri Dawudi n'amugamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Weerobozeeko ku bisatu:
12 emyaka esatu egy'enjala, oba emyezi esatu egy'okumalibwawo abalabe bo, oba ennaku ssatu ez'ekitala kya MUKAMA Katonda, kawumpuli agwe mu nsi, ne malayika wa MUKAMA azikirize abantu mu bitundu byonna ebya Isirayiri.' Kale nno, ssalawo kye mbanziramu oyo antumye."
13 Dawudi n'addamu Gaadi nti, "Nsobeddwa nnyo. Wakiri ka ngwe mu mukono gwa MUKAMA Katonda, kubanga okusaasira kwe kungi, okusinga okugwa mu mukono gw'omuntu."
14 Awo MUKAMA Katonda n'aweereza kawumpuli ku Isirayiri, abantu emitwalo musanvu ne bafa.
15 Ate era Katonda n'atuma malayika okuzikiriza Yerusaalemi. Naye MUKAMA bwe yalaba ebyo byonna, n'alumwa nnyo olw'ebyo byonna, n'alagira malayika eyali azikiriza abantu nti, "Ekyo kimala! Zzaayo omukono gwo." Mu kiseera ekyo malayika wa MUKAMA Katonda yali ayimiridde kumpi ne gguuliro lya Olunaani Omuyebusi.
16 Dawudi n'ayimusa amaaso ge, n'alaba malayika wa MUKAMA Katonda ng'ayimiridde wakati w'ensi n'eggulu ng'asowodde ekitala mu mukono gwe, nga kigololeddwa ku Yerusaalemi. Awo Dawudi n'abakadde, nga bambadde ebibukutu ne bavuunama amaaso gaabwe.
17 Dawudi n'agamba Katonda nti, "Si nze nalagira abantu babalibwe? Nze nnyonoonye, era nkoze ebibi. Bano ndiga, kiki kye bakoze? Ayi

MUKAMA Katonda wange, ombonereze nze ne nnyumba yange, naye toganya kawumpuli ono kusigala ku bantu bo.”

18 Awo malayika wa MUKAMA Katonda n’alagira Gaadi okugamba Dawudi ayambuke, azimbire MUKAMA ekyoto ku gguuliro lya Olunaani Omuyebusi.

19 Awo Dawudi n’agondera ekigambo Gaadi kye yayogera mu linnya lya MUKAMA Katonda, n’ayambuka.

20 Laba Olunaani bwe yali ng’awuula eŋŋaano, n’akyuka n’alaba malayika wa MUKAMA, ne batabani be abana abaaliwo ne beekweka.

21 Awo Dawudi bwe yasembera okumpi ne Olunaani we yali, Olunaani n’amulaba, n’ava mu gguuliro, n’amuvuunamira.

22 Dawudi n’amugamba nti, “Mpa ekifo egguuliro lyo mwe liri, nzimbire MUKAMA ekyoto, nange n’asasula omuwendo gwakyo gwonna, kawumpuli ave ku bantu.”

23 Olunaani n’addamu Dawudi nti, “Kitwale! Mukama wange kabaka akole nga bw’asiima. Laba, nzija kukuwa ziseddume z’onoowaayo ng’ebiweebwayo ebyokebwa, n’ebintu ebiwuula ng’enku, n’eŋŋaano okuba ekiweebwayo eky’obutta. Ebyo byonna nzija kubikuwa.”

24 Naye Dawudi n’agamba Olunaani nti, “Nedda, maliridde okusasula omuwendo omujjuvu. Sijja kutwalira MUKAMA ekikyo, wadde okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa bye sisasulidde.”

25 Awo Dawudi n’agula ekifo kya Olunaani kilo musanvu eza zaabu.

26 Dawudi n’azimbira MUKAMA ekyoto mu kifo ekyo, era n’awaayo ebiweebwayo ebyokebwa n’ebiweebwayo olw’emirembe, ng’akoowoola MUKAMA, era MUKAMA n’amuddamu n’omuliro okuva mu ggulu ogwaka ku kyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa.

27 Awo MUKAMA Katonda n’alagira malayika okuzaayo ekitala kye mu kiraato kyakyo.

28 Okuva mu kiseera ekyo, MUKAMA bwe yaddamu Dawudi ku gguuliro lya Olunaani Omuyebusi, Dawudi n’aweerangayo ssaddaaka eyo.

29 Mu biro ebyo Eweema ya MUKAMA, Musa gye yali azimbidde mu ddungu, n’ekyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa byali mu kifo ekigulumivu e Gibyoni.

30 Naye Dawudi yali tasobola kugendayo kwebuuza ku Katonda, kubanga yali atya ekitala kya malayika wa MUKAMA Katonda.

# 22

1 Awo Dawudi n’ayogera nti, “Wano we wanaabeeranga ennyumba ya MUKAMA Katonda, n’ekyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa ku lwa Isirayiri.”

### *Enteekateeka ey’okuzimba Yeekaalu*

2 Dawudi n’alagira okukuŋŋaanya bannaggwanga abaali mu Isirayiri, era mu bo n’alondamu abatemi b’amayinja, bagabajje nga kuzimbisa nnyumba ya MUKAMA.

3 Yateekawo ebyuma bingi olw’okukola emisumaali egy’enzigi egya wankaaki, n’olwebigatta, n’ebikomo bingi ebyayinga obungi n’obuzito.

4 Yawaayo n’emivule egitabalika, Abazidoni n’Abatuulo gye baamuleetera.

5 Dawudi n’ayogera nti, “Sulemaani mutabani wange akyali mwana muto n’obumanyirivu bwe butono. Ennyumba egenda okuzimbirwa MUKAMA egwana okuba ey’ekitiibwa ekinene ennyo, ng’eyatiikirira era ng’etenderezebwa mu mawanga gonna. Noolwekyo nzija kuteekateeka

ebinaagizimba.” Era Dawudi yakola entegeka nnene ddala nga tannaba
kufa.
6 Awo n'ayita Sulemaani mutabani we n'amukuutira okuzimbira
MUKAMA Katonda wa Isirayiri ennyumba.
7 Dawudi n'agamba Sulemaani nti, “Mwana wange, kyali mu mutima
gwange okuzimba ennyumba ku lwa MUKAMA Katonda wange.
8 Naye ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nga kigamba nti, ‘Oyiye
omusaayi mungi, era olwanye entalo nnyingi. Tolizimbira linnya lyange
nnyumba, kubanga oyiye omusaayi mungi mu maaso gange.
9 Laba, omwana owoobulenzi alizaalibwa gy'oli, era aliba omusajja
ow'emirembe, ne muwa emirembe eri abalabe bonna enjuuyi zonna.
Aliyitibwa Sulemaani. Ndiwa Isirayiri emirembe n'obutebenkevu ku
mulembe gwe.
10 Oyo ye alizimba ennyumba ku lw'erinnya lyange. Aliba mutabani
wange, nange ndiba kitaawe. Era ndinyweza entebe ye ey'obwakabaka
bwe mu Isirayiri emirembe gyonna.’
11 “Kaakano, mwana wange, MUKAMA abeere naawe, era olabe omukisa,
ozimbire MUKAMA Katonda wo ennyumba, nga bwe yayogera.
12 MUKAMA akuwe amagezi ag'okwawula n'okutegeera ng'okulembera
Isirayiri, olyoke okuumenga amateeka ga MUKAMA Katonda wo.
13 Olwo onoolaba omukisa bw'oneekuumanga ebiragiro n'amateeka
MUKAMA ge yawa Musa ku lwa Isirayiri. Beera n'amaanyi era gguma
omwoyo, totya so totekemuka.
14 “Mu kutegana okungi ntegekedde yeekaalu ya MUKAMA ttani eza
zaabu enkumi ssatu mu bina mu ataano, ne ttani eza ffeeza emitwalo
esatu mu enkumi nnya mu bitaano; n'ebikomo n'ebyuma bingi nnyo
ebitapimika muwendo gwabyo, n'embaawo n'amayinja. Ate okyayinza
n'okwongerako.
15 Olina abakozi bangi; abatemi b'amayinja, n'abazimbi, n'ababazzi,
n'abantu bonna abalina obumanyirivu mu kuweesa
16 zaabu ne ffeeza, n'ebikomo, n'ekyuma. Kaakano tandikirawo okukola
era MUKAMA akuluŋŋamye.”
17 Awo Dawudi n'alagira abakulembeze bonna aba Isirayiri okuyamba
mutabani we Sulemaani ng'agamba nti,
18 “MUKAMA Katonda wammwe tali wamu nammwe? Era tabawadde
okuwummula n'emirembe ku njuyi zonna? Agabudde ababeera mu nsi
mu mukono gwange, era ensi ekkakkanye eri MUKAMA n'eri abantu be.
19 Kaakano mumalirire mu mitima gyammwe ne mu mmeeme zammwe
okunoonya MUKAMA Katonda wammwe. Mutandike okuzimba awatukuvu
wa MUKAMA, n'oluvannyuma muleete essanduuko ey'endagaano ya
MUKAMA, n'ebintu ebitukuvu ebya Katonda mu yeekaalu eneezimbibwa
ku lw'erinnya lya MUKAMA.”

# 23

*Abaleevi*

1 Awo Dawudi bwe yawangaala ennyo n'akaddiwa emyaka mingi
n'afuula Sulemaani mutabani we okuba kabaka wa Isirayiri.
2 Era yakuŋŋaanya abakulembeze ba Isirayiri bonna, wamu ne bak-
abona n'Abaleevi.
3 Abaleevi abaali baweza emyaka amakumi asatu n'okusingawo baabal-
ibwa, n'omuwendo gw'abasajja bonna gwali emitwalo esatu mu kanaana.

4 Awo Dawudi n'agamba nti, "Ku abo emitwalo ebiri mu enkumi nnya be banaalabiriranga omulimu ogwa yeekaalu ya MUKAMA, ate kakaaga banaabanga bakungu n'abalamuzi.
5 Enkumi nnya banaabanga baggazi, ate enkumi ennya abasigaddewo be banatenderezanga MUKAMA n'ebivuga bye nateekateeka ku lw'okutendereza."

6 Awo Dawudi n'agabanyamu Abaleevi mu bibinja ng'abaana ba Leevi bwe baali: Gerusoni, ne Kokasi ne Merali.

7 Abaana ba Gerusoni baali
Ladani ne Simeeyi.
8 Batabani ba Ladani baali
Yekyeri omukulu, ne Zesamu, ne Yoweeri, basatu bonna awamu.
9 Batabani ba Simeeyi baali
Seromisi, ne Kasiyeri, ne Kalani, basatu bonna awamu,
era be baali abakulu b'ennyumba ya Ladani.
10 Batabani ba Simeeyi omulala
Yakasi, ne Zina, ne Yewusi ne Beriya,
be bana bonna awamu.
11 Yakasi ye yali omukulu, ne Ziza ye yali owookubiri, naye Yewusi be Beriya tebaalina baana noolwekyo baabalibwa ng'ekika kimu era nga bakola omulimu gwe gumu.

12 Batabani ba Kokasi baali
Amulaamu, ne Izukali, ne Kebbulooni ne Wuziyeeri, be bana.
13 Batabani ba Amulaamu baali
Alooni ne Musa.
Alooni yayawulibwa, ye n'abazzukulu be emirembe gyonna, atukuzenga ebintu ebitukuvu ennyo, okuwangayo ssaddaaka eri MUKAMA, n'okumuweerezanga, era n'okusabanga omukisa mu linnya lye emirembe gyonna.
14 Batabani ba Musa omusajja wa Katonda babalibwa nga ba mu kika kya Leevi.
15 Batabani ba Musa baali
Gerusomu ne Eryeza.
16 Mu bazzukulu ba Gerusomu,
Sebweri ye yali omukulu.
17 Mu bazzukulu ba Eryeza,
Lekabiya ye yali omukulu.
Eryeza teyalina baana balala, naye batabani ba Lekabiya baali bangi ddala.
18 Mu batabani ba Izukali,
Seromisi ye yali omukulu.
19 Mu batabani ba Kebbulooni,
Yeriya omukulu, Amaliya nga wakubiri, Yakaziyeri nga wakusatu, ne Yekameyamu nga ye wookuna.
20 Mu batabani ba Wuziyeeri,
Mikka ye yali omukulu, ne Issiya nga ye wookubiri.

21 Batabani ba Merali baali
Makuli ne Musi.
Batabani ba Makuli baali

Eriyazaali ne Kiisi.
22 Eriyazaali n'afa nga tazadde baana babulenzi wabula aboobuwala bokka. Baganda baabwe, batabani ba Kiisi be babawassa.
23 Batabani ba Musi baali
Makuli, Ederi ne Yeremosi be basatu.

24 Abo be baali abazzukulu ba Leevi mu bika byabwe, ng'emitwe gy'ennyumba bwe gyali giwandiikibbwa mu mannya gaabwe, era nga bwe baabalibwa buli kinoomu, be bakozi abaalina emyaka amakumi abiri n'okusingawo abaaweerezanga mu yeekaalu ya MUKAMA.
25 Dawudi yali agambye nti, "Olw'okuba MUKAMA Katonda wa
Isirayiri, awadde abantu be emirembe, era abeera mu Yerusaalemi emirembe gyonna,
26 Abaleevi tekikyabagwaniranga kusitula eweema oba ebintu
ebikozesebwa mu kuweereza."
27 Nga bagoberera ebigambo bya Dawudi ebyasembayo, Abaleevi
abaabalibwa baali ba myaka amakumi abiri n'okusingawo.

28 Omulimu gwabwe gwali gwa kuyambanga bazzukulu ba Alooni mu buweereza obwa yeekaalu ya MUKAMA, nga bavunaanyizibwa mu mpya ne mu bisenge, ne mu kutukuzanga ebintu byonna ebitukuvu, n'okukola emirimu emirala mu nnyumba ya Katonda.
29 Baavunaanyizibwanga emigaati egy'okulaga ku mmeeza, n'obutta obulungi obw'ekiweebwayo eky'obutta, n'obugaati obutazimbulukusibbwa, n'okufumba, n'okutabula, olw'ebiweebwayo, n'ebigero byonna mu bungi bwabyo ne mu bunene bwabyo.
30 Be baayimiriranga okwebazanga n'okutenderezanga MUKAMA buli nkya na buli akawungeezi,
31 ne mu kuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa, ebyaweebwangayo ku ssabbiiti, n'emyezi nga kye gijje giboneke, ne ku mbaga ezaateekebwawo. Kyabagwaniranga okuweerezanga mu maaso ga MUKAMA obutayosa, mu mpalo zaabwe, nga bwe balagibwa.
32 Awo Abaleevi ne bakolanga emirimu gyabwe mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne mu Kifo Ekitukuvu, nga bayamba baganda baabwe bazzukulu ba Alooni, okuweerezanga okw'omu yeekaalu ya MUKAMA.

## 24

1 Ebibinja eby'abazzukulu ba Alooni nga bwe bagabanyizibwamu byali bwe biti:

Batabani ba Alooni baali Nadabu, ne Abiku, ne Eriyazaali ne Isamaali.
2 Naye Nadabu ne Abiku baasooka kitaabwe okufa, ate nga baafa tebazzadde baana. Eriyazaali ne Isamaali kyebaava baawulibwa era ne batandika okukola omulimu ogw'obwakabona.
3 Dawudi ng'ayambibwako Zadooki muzzukulu wa Eriyazaali, ne Akimereki muzzukulu wa Isamaali, yabaawulamu ebibinja nga bwe baalondebwa mu kuweereza kwabwe.
4 Kyazuulibwa nga abakulembeze mu bazzukulu ba Eriyazaali baali bangi okusinga abazzukulu ba Isamaali, bwe bati bwe bagabanyizibwamu: mu bazzukulu ba kkumi na mukaaga, okuba abakulu b'ennyumba ne ku bazzukulu ba Isamaali munaana okuba abakulu b'ennyumba.

5 Baabagabanyamu nga bakubye obululu, kubanga waaliwo abakungu
abamu nga ba mu kifo ekitukuvu, n'abalala nga bakungu ba Katonda naye
nga bonna bazzukulu ba Eriyazaali ne Isamaali.
6 Semaaya Omuwandiisi, mutabani wa Nesaneri, Omuleevi,
n'awandiikira amannya gaabwe mu maaso ga kabaka n'abakungu
nga Zadooki kabona, ne Akimereki mutabani wa Abiyasaali, n'abakulu
b'ennyumba za bakabona, n'Abaleevi, ennyumba emu ng'eronderwa
Eriyazaali, n'endala ng'eronderwa Isamaali.

7 Akalulu akaasooka kaagwa ku Yekoyalibu,
n'akokubiri ku Yedaya,
8 n'akokusatu ku Kalimu,
n'akokuna ku Seyolimu,
9 n'akookutaano ku Malukiya,
n'ak'omukaaga ku Miyamini,
10 n'ak'omusanvu ku Kakkozi,
n'ak'omunaana ku Abiya,
11 n'ak'omwenda ku Yesuwa,
n'ak'ekkumi ku Sekaniya,
12 n'ak'ekkumi n'akamu ku Eriyasibu,
n'ak'ekkumi noobubiri ku Yakimu,
13 n'ak'ekkumi noobusatu ku Kuppa,
n'ak'ekkumi noobuna ku Yesebeyabu,
14 ak'ekkumi noobutaano ku Biruga,
n'ak'ekkumi n'omukaaga ku Immeri,
15 n'ak'ekkumi n'omusanvu ku Keziri,
n'ak'ekkumi n'omunaana ku Kapizzezi,
16 n'ak'ekkumi n'omwenda ku Pesakiya,
n'ak'amakumi abiri ku Yekezukeri,
17 ak'amakumi abiri mu kamu ku Yakini,
n'ak'amakumi abiri mu bubiri ku Gamuli,
18 n'ak'amakumi abiri mu busatu ku Deraya,
n'ak'amakumi abiri mu buna ku Maaziya.

19 Kuno kwe kwali okulondebwa kw'obuweereza bwabwe, bwe
baayingiranga mu yeekaalu ya MUKAMA, nga bagoberera ebiragiro
ebyabaweebwa jjajjaabwe Alooni, nga MUKAMA Katonda wa Isirayiri bwe
yamulagira.

*Abaleevi Abalala*

20 Bazzukulu ba Leevi abalala baali:

okuva mu batabani ba Amulaamu, yali Subayeri;
okuva mu batabani ba Subayeri yali Yedeya.
21 Ku ba Lekabiya, Issiya ye yali omuggulanda.
22 Ku Bayizukaali Seromosi,
ate ku batabani ba Seromosi yali Yakasi.
23 Ku batabani ba Kebbulooni,
Yeriya ye yali omukulu, Amaliya nga ye wookubiri, Yakaziyeri nga ye wookusatu, ne Yekameyamu nga ye wookuna.
24 Mutabani wa Winziyeeri, ye yali Mikka;
ne ku batabani ba Mikka, ne Samiri.
25 Muganda wa Mikka ye yali Issiya,

ne ku batabani ba Issiya, Zekkaliya.
26 Batabani ba Merali baali Makuli ne Musi.
Mutabani wa Yaaziya ye yali Beno.
27 Batabani ba Merali,
mu Yaaziya: Beno, ne Sokamu, ne Zakkuli, ne Ibuli.
28 Okuva ku Makuli, Eriyazaali, ataazaala baana babulenzi.
29 Okuva ku Kiisi, yali mutabani we Yerameeri.
30 Ne ku batabani ba Musi, Makuli, ne Ederi ne Yerimosi.

Abo be baali Abaleevi, ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.

31 Era ne bano bwe batyo ne bakuba obululu, nga baganda baabwe
bazzukulu ba Alooni bwe baakola, mu maaso ga Kabaka Dawudi, ne
Zadooki, ne Akimereki, n'abakulu b'ennyumba za bakabona n'Abaleevi.
Ennyumba ya muganda waabwe omukulu yayisibwanga mu ngeri y'emu
ng'ey'omuto.

# 25

*Abayimbi*

1 Awo Dawudi n'abaduumizi b'eggye, ne baawula abamu ku batabani ba
Asafu, n'aba Kemani, n'aba Yedusuni okuweereza, n'okukola obunnabbi,
nga bwe bakuba ennanga, n'entongooli, n'ebitaasa. Olukalala lw'abasajja
abaakolanga omulimu ogw'okuweereza okwo, lwali:

2 Ku batabani ba Asafu:
Zakkuli, ne Yusufu, ne Nesaniya ne Asalera, era abo nga bakulirwa Asafu, eyakolanga ogw'obunnabbi, ate ye ng'akulirwa kabaka.
3 Ku batabani ba Yedusuni:
Gedaliya, ne Zeri, ne Yesaya, ne Simeeyi, ne Kasabiya ne Mattisiya, be mukaaga awamu, nga bakulirwa kitaabwe Yedusuni, eyakolanga ogw'obunnabbi, nga bw'akuba n'ennanga nga beebaza n'okutendereza Mukama.
4 Ku batabani ba Kemani kabona wa kabaka:
Bukkiya, ne Mattaniya, ne Wuziyeeri, ne Sebuweri, ne Yerimosi, ne Kananiya, ne Kanani, ne Eriyaasa, ne Giddaluti, ne Lomamutyezeri, ne Yosubekasa, ne Mallosi, ne Kosiri, ne Makaziyoosi.
5 Abo bonna baali baana ba Kemani nnabbi aweereza kabaka,
abaamuweebwa olw'okusuubiza kwa Katonda, okuyimusanga erinnya
lye. Katonda yamuwa abaana aboobulenzi kkumi na bana, n'aboobuwala
basatu.

6 Abo bonna baavunaanyizibwanga ba kitaabwe, olw'okuyimba mu
yeekaalu ya Mukama, nga bakuba ebitaasa, n'entongooli, n'ennanga,
olw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Katonda. Asafu, ne Yedusuni,
ne Kemani baali bakolera wansi kabaka.
7 Omuwendo gw'abo n'eŋŋanda zaabwe abatendekebwa ne bakuguka
mu by'okuyimbira Mukama baali ebikumi bibiri mu kinaana mu munaana.
8 Bonna baakubira obululu emirimu gye baaweebwa, abato n'abakulu,
omutendesi ne gwe batendeka.

9 Akalulu akaasooka akaali aka Asafu kagwa ku Yusufu, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
akookubiri kagwa ku Gedaliya, batabani be, n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
10 akookusatu kagwa ku Zakkuli, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
11 akookuna kagwa ku Izuli, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
12 akookutaano kagwa ku Nesaniya, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
13 ak’omukaaga kagwa ku Bukkiya, batabani be, n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
14 ak’omusanvu kagwa ku Yesalera, batabani be, n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
15 ak’omunaana kagwa ku Yesaya, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
16 ak’omwenda kagwa ku Mattaniya, batabani be, n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
17 ak’ekkumi kagwa ku Simeeyi, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
18 ak’ekkumi n’akamu kagwa ku Azaleri, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
19 ak’ekkumi noobubiri kagwa ku Kasabiya, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
20 ak’ekkumi noobusatu kagwa ku Subayeri, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
21 ak’ekkumi noobuna kagwa ku Mattisiya, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
22 ak’ekkumi noobutaano kagwa ku Yeremosi, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
23 ak’ekkumi n’omukaaga kagwa ku Kananiya, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
24 ak’ekkumi n’omusanvu kagwa ku Yosubekasa, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
25 ak’ekkumi n’omunaana kagwa ku Kanani, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
26 ak’ekkumi n’omwenda kagwa ku Mallosi, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
27 ak’amakumi abiri kagwa ku Eriyaasa, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
28 ak’amakumi abiri mu akamu kagwa ku Kosiri, batabani be, n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
29 ak’amakumi abiri mu bubiri kagwa ku Giddaluti, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
30 ak’amakumi abiri mu busatu, kagwa ku Makaziyoosi, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri;
31 ak’amakumi abiri mu buna kagwa ku Lomamutyezeri, batabani be n’ab’eŋŋanda ze, kkumi na babiri.

# 26

*Ebibinja eby’Abaggazi*

1 Ebibinja by’Abaggazi byali:

Mu Bakola,
waaliyo Meseremiya mutabani wa Kole, omu ku batabani ba Asafu.
2 Meseremiya yalina abaana aboobulenzi nga
Zekkaliya ye w'olubereberye,
ne Yediyayeri nga wakubiri,
ne Zebadiya nga wakusatu,
ne Yasuniyeri nga wakuna,
3 ne Eramu nga wakutaano,
ne Yekokanani nga wamukaaga,
ne Eriwenayi nga wa musanvu.
4 Obededomu naye yalina abaana aboobulenzi nga
Semaaya ye w'olubereberye,
ne Yekozabadi nga wakubiri,
ne Yowa nga wakusatu,
ne Sakali nga wakuna,
ne Nesaneeri nga wakutaano,
5 ne Ammiyeri nga wamukaaga,
ne Isakaali nga wa musanvu,
Pewulesayi nga wa munaana,
Katonda gwe yawa omukisa.
6 Mutabani we Semaaya naye yalina abaana aboobulenzi, abaali abakulembeze mu nnyumba ya kitaabwe kubanga baali basajja bazira.
7 Batabani ba Semaaya baali Osuni, ne Lefayeri, ne Obedi ne Eruzabadi, ne baganda baabwe abaayitibwanga Eriku ne Semakiya nabo baali basajja bakozi.
8 Abo bonna baali bazzukulu ba Obededomu, era bonna awamu ne batabani baabwe n'ab'eŋŋanda zaabwe abalala baali basajja bajjumbize, ate nga bakozi ab'amaanyi olw'omulimu ogwo. Bonna awamu baali nkaaga mu babiri.
9 Meseremiya naye yalina abaana aboobulenzi, n'ab'eŋŋanda ze bonna awamu abasajja abakozi, kkumi na munaana.

10 Kosa, omu ku bazzukulu ba Merali yalina abaana aboobulenzi nga Simuli ye mukulu, newaakubadde nga si ye yali omubereberye kitaawe yali amufudde omukulu;
11 Kirukiya nga wakubiri, ne Tebaliya nga wakusatu,
ne Zekkaliya nga wakuna.
Batabani ba Kosa n'ab'eŋŋanda be bonna awamu baali kkumi na basatu.

12 Ebibinja bino eby'abagazi, omwali abakulu b'ebyalo, baalina obuvunaanyizibwa okuweereza mu yeekaalu ya MUKAMA, ng'Abaleevi abalala bonna.
13 Ne bakubira obululu, buli nnyumba, abato n'abakulu, ng'emiryango bwe gyali.
14 Akalulu ak'Omulyango ogw'Ebuvanjuba ne kagwa ku Seremiya.
Ate akalulu ak'Omulyango ogw'Obukiikakkono, ne kagwa ku Zekkaliya mutabani we, era omuteesa ow'amagezi.
15 Akalulu ak'Omulyango ogw'Obukiikaddyo kagwa ku Obededomu, ate ak'eggwanika ne kagwa ku batabani be.
16 Akalulu ak'Omulyango ogw'Ebugwanjuba n'Omulyango Salekesi awaali olutindo okwambuka, ne kagwa ku Suppima ne Kosa.

Abakuumi baali boolekera bakuumi bannaabwe.
17 Ku luuyi olw'ebuvanjuba waaliyo Abaleevi mukaaga, olunaku,
ne ku luuyi olw'obukiikakkono waaliyo bana olunaku
ne ku luuyi olw'obukiikaddyo waaliyo bana olunaku,
ne ku ggwanika babiri babiri.
18 Ku luuyi olw'ebugwanjuba olw'oluggya waaliyo bana, ne mu Luggya lwennyini waaliyo babiri.

19 Eyo ye yali engabanya ey'abagazi abaali bazzukulu ba Kola ne Merali.

### *Abawanika n'Abakungu Abalala*

20 Ku Baleevi, Akiya ye yali omukulu w'amawanika g'ennyumba ya Katonda, era n'amawanika g'ebintu ebyawongebwa.
21 Bazzukulu ba Ladani, abaali bazzukulu b'Abagerusoni mu Ladani, abaali abakulu b'ennyumba za bakitaabwe nga be ba Yekyeri,
22 batabani ba Yekyeri, ne Zesamu, ne Yoweeri muganda we, be baavunaanyizibwanga amawanika ga yeekaalu ya MUKAMA.

23 Ku Bamulaamu, ne ku Bayizukaali, ne ku Bakebbulooni, ne ku Bawuziyeeri:

24 Sebweri muzzukulu wa Gerusomu, mutabani wa Musa, ye yali omuwanika omukulu.
25 Baganda be okuva ku Eryeza nga be ba Lekabiya, ne Yesaya, ne Yolaamu, ne Zikuli ne Seromosi, bonna nga batabani be.
26 Seromosi ne baganda be, be baali abawanika b'ebintu byonna ebyawongebwa Dawudi kabaka, n'abakulu b'ennyumba, n'abaali abaduumizi b'olukumi, n'abaduumizi b'ekikumi, n'abaduumizi abalala.
27 Ebimu ku byanyagibwa mu ntalo babiwonga, ne babiwaayo okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA.
28 Ne byonna ebyawongebwa Samwiri nnabbi, ne Sawulo mutabani wa Kiisi, ne Abuneeri mutabani wa Neeri, ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya byavunaanyizibwanga Seromisi n'ab'eŋŋanda ze.
29 Ku Bayizukaali,
Kenaniya ne batabani be baaweebwa obuvunaanyizibwa ebweru wa yeekaalu, okuba abakungu era abalamuzi okufuganga Isirayiri.
30 Ku Bakebbulooni,
Kasabiya n'ab'eŋŋanda ze abasajja abazira, lukumi mu lusanvu, baavunaanyizibwanga omulimu gwonna gwa MUKAMA, n'okuweereza kabaka, ku luuyi olw'ebugwanjuba emitala wa Yoludaani mu Isirayiri.
31 Mu Bakebbulooni, Yeriya ye yali omukulu, okusinziira ku byafaayo eby'okuzaalibwa okw'ennyumba zaabwe.
Mu mwaka ogw'amakumi ana Dawudi nga ye kabaka, ne waba okunoonyereza mu byafaayo, era ne mulabika mu Yazeri eky'e Gireyaadi abasajja abazira ng'Abakebbulooni.
32 Yeriya yalina abasajja abazira era nga mitwe gy'ennyumba zaabwe, enkumi bbiri mu lusanvu, era kabaka Dawudi n'amufuula mulabirizi wa Balewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu ky'ekika ky'Abamanase, olwa buli kigambo kya Katonda, n'olw'ebigambo bya kabaka.

# 27

*Ebibinja eby'Eggye*

1 Luno lwe lukalala lw'Abayisirayiri emitwe gy'ennyumba, abaduumizi b'olukumi, n'abaduumizi b'ekikumi abaaweerezanga kabaka nga bamutegeeza buli nsonga eyakwatanga ku bibinja eby'eggye, ebyabeeranga ku mpalo buli mwezi mu mwaka. Buli kibinja kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

2 Yasobeyamu mutabani wa Zabudyeri ye yavunaanyizibwanga ekibinja ekisooka, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

3 Yali muzzukulu wa Perezi, ate nga mukulu w'abaami b'eggye mu mwezi ogwasooka

4 Dodayi Omwakowa ye yavunaanyizibwanga ekibinja eky'omwezi ogwokubiri nga Mikuloosi ye mukulu ow'ekibinja ekyo. Mwalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya mu kibinja ekyo.

5 Benaya mutabani wa Yekoyaada kabona ye yali omuduumizi ow'eggye owookusatu mu mwezi gwokusatu, era yali mwami. Kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

6 Oyo ye Benaya eyali omusajja ow'amaanyi mu bali amakumi asatu, era nga ye mukulu mu bo. Mutabani we Ammizabaadi yavunaanyizibwanga ekibinja ekyo.

7 Asakeri muganda wa Yowaabu ye yavunaanyizibwanga ekibinja ekyokuna mu mwezi ogwokuna, era mutabani we Zebadiya ye yamusikira. Ekibinja ekyo kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

8 Samukusi Omuyizula ye yali omuduumizi ow'ekibinja ekyokutaano mu mwezi ogwokutaano, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

9 Ira mutabani wa Ikkesi Omutekowa ye yali omukulu ow'ekibinja eky'omukaaga mu mwezi ogw'omukaaga, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

10 Kerezi Omuperoni, ate nga muzzukulu wa Efulayimu ye yali omukulu ow'ekibinja eky'omusanvu mu mwezi ogw'omusanvu, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

11 Seibbekayi Omukusasi, ate nga wa ku Bazera ye yali omukulu ow'ekibinja eky'omunaana mu mwezi ogw'omunaana, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

12 Abiyezeeri Omwanasosi, ate nga wa ku Babenyamini ye yali omukulu ow'ekibinja eky'omwenda mu mwezi ogw'omwenda, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

13 Makalayi Omunetofa, ate nga wa ku Bazera ye yali omukulu ow'ekibinja eky'ekkumi mu mwezi ogw'ekkumi, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

14 Benaya Omupirasoni, ate nga muzzukulu wa Efulayimu ye yali omukulu ow'ekibinja eky'ekkumi n'omu mu mwezi ogw'ekkumi n'ogumu, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

15 Kerudayi Omwetofa, ow'omu nnyumba ya Osuniyeri, ye yali omukulu ow'ekibinja eky'ekkumi n'ababiri mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri, era kyalimu abasajja emitwalo ebiri mu enkumi nnya.

*Abataka ab'Ebika*

16 Abataka ab'ebika bya Isirayiri baali:

eyafuganga Abalewubeeni yali Eryeza mutabani wa Zikuli;
eyafuganga Abasimyoni yali Sefatiya mutabani wa Maaka;
17 eyafuganga Leevi yali Kasabiya mutabani wa Kemweri;
eyafuganga Alooni yali Zadooki;
18 eyafuganga Yuda yali Eriku, omu ku baganda ba Dawudi;
eyafuganga Isakaali yali Omuli mutabani wa Mikayiri;
19 eyafuganga Zebbulooni yali Isumaaya mutabani wa Obadiya;
eyafuganga Nafutaali yali Yeremozi mutabani wa Azulyeri;
20 eyafuganga Abefulayimu yali Koseya mutabani wa Azaziya;
eyafuganga ekitundu ky'ekika kya Manase yali Yoweeri mutabani wa Pedaya;
21 eyafuganga ekitundu ky'ekika kya Manase ekirala ekyabeeranga mu Gireyaadi yali Iddo mutabani wa Zekkaliya;
eyafuganga Benyamini yali Yaasiyeri mutabani wa abuneeri;
22 n'eyafuganga Ddaani yali Azaleri mutabani wa Yerokamu.

Abo be baali abataka abaakuliranga ebika bya Isirayiri.

23 Dawudi teyabala muwendo ogw'abasajja abaali abaakamaze emyaka
abiri n'abaali tebanaba kugituusa, kubanga MUKAMA yali asuubiza okufu-
ula Abayisirayiri abangi ng'emmunyeenye ez'omu ggulu.
24 Naye Yowaabu mutabani wa Zeruyiya n'atandika okubala abasajja,
n'atamaliriza. Obusungu bwa MUKAMA ne bubuubuukira ku Isirayiri
olw'okubala okwo, so n'omuwendo ogwo tegwawandiikibwa mu kitabo
eky'ebyomumirembe gya kabaka Dawudi.

### *Abalabirizi ba Kabaka*

25 Azumavesi mutabani wa Adyeri yavunaanyizibwanga amawanika ga kabaka,
ne Yonasaani mutabani wa Uzziya n'avunaanyizibwanga amawanika ag'amasaza n'ag'ebibuga, ag'ebyalo, n'ag'ebigo.
26 Ezuli mutabani wa Kerubu ye yavunaanyizibwanga abalimi ab'omu nnimiro.
27 Simeeyi Omulaama ye yavunaanyizibwanga ennimiro z'emizabbibu,
ne Zabudi Omusifumu ye n'avunaanyizibwanga ebibala eby'ennimiro olw'amasenero ag'omwenge.
28 Baalukanani Omugedera ye yavunaanyizibwanga emizeeyituuni n'emisukomooli egyali mu nsenyi ez'ebugwanjuba;
ne Yowaasi ye n'avunaanyizibwanga amawanika g'amafuta.
29 Situlayi Omusaloni ye yavunaanyizibwanga ebisibo mu Saloni,
ne Safati mutabani wa Adulayi n'avunaanyizibwanga ebisibo ebyali mu biwonvu.
30 Obiri Omuyisimayiri ye yavunaanyizibwanga eŋŋamira,
ne Yedeya Omumeronoosi ye n'avunaanyizibwanga endogoyi.
31 Yazizi Omukaguli ye yavunaanyizibwanga ebisibo eby'endiga.
Abo bonna be baali abakungu ba kabaka Dawudi abaavunaanyizibwanga ebintu bye.

32 Yonasaani, kitaawe wa Dawudi omuto yali muteesa wa bigambo, era nga musajja mutegeevu omuwandiisi,
ne Yekyeri mutabani wa Kakumoni ye yali mukuza w'abalangira.
33 Akisoferi naye yali muteesa wa kabaka,

ate nga Kusaayi Omwaluki ye mukwano gwa kabaka nnyo.
34 Yekoyaada mutabani wa Benaya ne Abiyasaali be badda mu bigere bya Akisoferi.
Yowaabu ye yali muduumizi w'eggye lya kabaka.

# 28

*Enteekateeka ya Dawudi ku Bikwata ku Yeekaalu*

1 Dawudi n'akuŋŋaanya abakungu bonna aba Isirayiri e Yerusaalemi ng'omwo mwe muli abakulu b'ebika, n'abakulu b'ebitongole abaaweerezanga kabaka, n'abaduumizi ab'olukumi, n'abaduumizi ab'ekikumi, n'abakungu abaavunaanyizibwanga eby'obugagga n'amagana ebyali ebya kabaka ne batabani be, n'abakungu ab'omu lubiri, n'abasajja ab'amaanyi era n'abasajja bonna abazira.

2 Awo kabaka Dawudi n'ayimirira n'ayogera nti, "Mumpulirize baganda bange era abantu bange. Nnali nteseeteese mu mutima gwange okuzimbira essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA n'entebe ey'ebigere bya Katonda, ennyumba, era nga nentegeka eyaayo ewedde okukolebwa.

3 Naye Katonda n'aŋŋamba nti, 'Tolinzimbira linnya lyange nnyumba, kubanga oli mutabaazi wa ntalo era wayiwa omusaayi.'

4 "Naye ate MUKAMA Katonda wa Isirayiri yannonda mu nnyumba ya kitange yonna okuba kabaka wa Isirayiri emirembe gyonna. Yalonda Yuda okuba omukulembeze, ne mu nnyumba ya Yuda n'alondamu ennyumba ya kitange, ne mu batabani ba kitange n'asiima okunfuula kabaka wa Isirayiri yenna.

5 Mu batabani bange bonna, kubanga MUKAMA ampadde bangi, Sulemaani mutabani wange gw'alonze okutuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa MUKAMA mu Isirayiri.

6 Yaŋŋamba nti, 'Sulemaani mutabani wo y'alizimba ennyumba yange n'empya zange, kubanga mmulonze okuba omwana wange, era nange n'abeeranga kitaawe.

7 Ndinyweza obwakabaka bwe emirembe gyonna, bwatalirekayo okugondera ebiragiro byange n'amateeka gange nga bwe bigobelerwa mu nnaku zino.'

8 "Kaakano nkukuutira mu lujjudde lwonna olwa Isirayiri, ekuŋŋaaniro lya MUKAMA, ne Katonda waffe ng'awulira, nti weekuume okugondera ebiragiro ebya MUKAMA Katonda wo, olyoke olye ensi eno ennungi era (n'abazzukulu) n'abaana ab'obusika bwo bagisikirenga emirembe gyonna.

9 "Era Sulemaani mutabani wange tegeera Katonda wa kitaawo, omuweerezenga n'omutima gumu n'emmeeme yo yonna, kubanga MUKAMA akebera emitima, era ategeera okufumiitiriza okw'ebirowoozo. Bw'onoomunoonyanga, onoomulabanga, naye bw'onoomulekanga, anaakuvangako emirembe gyonna.

10 Kaakano weekuume, kubanga MUKAMA akulonze okuzimba ennyumba ey'okusinzizangamu. Ba n'amaanyi, okole omulimu."

11 Awo Dawudi n'akwasa Sulemaani mutabani we ekyokulabirako eky'ekisasi kya yeekaalu, n'ebizimbe byabyo, n'amawanika gaayo, n'ebisenge ebya waggulu, n'ebisenge eby'omunda, n'ekifo eky'entebe ey'okusaasira.

12 Yamuwa n'enteekateeka ya buli kintu nga eky'empya za yeekaalu ya MUKAMA, n'ebisenge, ebyali bigiriranye, n'amawanika ga yeekaalu ya MUKAMA, n'ebintu byonna ebyawongebwa, ng'Omwoyo bwe yali agitadde ku mutima gwe.

13 Yamuwa n'ebiragiro eby'okugobereranga ku bibinja bya bakabona,
n'Abaleevi, n'olw'omulimu gwonna ogw'okuweerezanga mu yeekaalu
ya MUKAMA, n'olw'ebintu byonna ebyakozesebwanga mu kuweereza mu
nnyumba ya MUKAMA.
14 Yawaayo ebipimo ebya zaabu olw'ebintu byonna ebya zaabu ebyasab-
wanga buli mulundi, n'ebipimo ebya ffeeza olw'ebintu byonna ebya ffeeza
ebyakozesebwanga buli mulundi;
15 n'ebipimo eby'ettabaaza eza zaabu, n'ettabaaza zaakwo, n'ebipimo
ebya zaabu ebya buli kikondo n'ettabaaza yaakyo, n'ebipimo ebya buli
kikondo ekya ffeeza n'ettabaaza yaakyo;
16 n'ebipimo ebya zaabu eby'emmeeza ez'emigaati emitukuze
egy'okulaga, n'ebipimo ebya ffeeza eby'emmeeza eza ffeeza;
17 n'ebipimo ebya zaabu ennongoose eya wuuma, n'ebbakuli ezi-
masamasa, n'ekikopo, n'ebipimo ebya zaabu eby'ebbakuli eza zaabu,
n'ebipimo ebya ffeeza eby'ebbakuli eza ffeeza;
18 n'ebipimo ebya zaabu ennongoose ey'ekyoto eky'obubaane.
N'amuwa n'enteekateeka ey'eggaali, be bakerubi aba zaabu abanjala
ebiwaawaatiro byabwe ne babikka ku ssanduuko ey'endagaano ya
MUKAMA.
19 Awo Dawudi n'ayogera nti, "Ebyo byonna biri mu buwandi-
ike, kubanga omukono gwa MUKAMA gwali wamu nange, era yampa
okukitegeerera ddala."
20 Dawudi n'ayongera n'agamba Sulemaani mutabani we nti, "Ba
n'amaanyi era guma omwoyo, okole omulimu. Totya so totekemuka
wadde okuggwamu omwoyo, kubanga MUKAMA Katonda, Katonda wange
ali wamu naawe. Taakwabulirenga so taakulekenga okutuusa omulimu
gwonna ogw'okuweereza ogwa yeekaalu ye MUKAMA nga guwedde.
21 Era, laba, ebibiina bya bakabona n'Abaleevi beeteefuteefu okukola
omulimu ku yeekaalu ya Katonda, na buli musajja omumanyirivu mu
kuweesa okw'engeri zonna anaakuyamba mu mulimu gwonna. Era
n'abakungu wamu n'abantu bonna banaagonderanga buli kiragiro kyo."

# 29

### *Ebirabo eby'Okuzimba Yeekaalu*

1 Awo Kabaka Dawudi n'ayogera eri ekibiina kyonna ekyali
kikuŋŋaanye nti, "Sulemaani mutabani wange, Katonda gw'alonze,
mwana muto atalina bumanyirivu, ate nga omulimu munene. Ekizimbe
kino si kya ku lwa muntu wabula kya ku lwa MUKAMA Katonda.
2 Ntegese olwa yeekaalu ya Katonda wange, zaabu olw'omulimu gwa
zaabu, ne ffeeza olw'omulimu gwa ffeeza, n'ebikomo olw'omulimu
ogw'ebikomo, n'ebyuma olw'omulimu ogw'ebyuma, n'embaawo
olw'omulimu ogw'embaawo, amayinja aga onuku mangi n'amayinja
ag'okutona, amayinja ag'omulimu ogw'enjola n'ag'amabala mangi,
n'amayinja ag'omuwendo omungi ag'engeri zonna, n'amayinja
amanyirivu mangi nnyo.
3 Okwongera kw'ebyo byonna, n'okwewaayo kwange olwa yeekaalu ya
Katonda wange, mpaddeyo amawanika gange aga zaabu ne ffeeza ku lwa
yeekaalu ya Katonda wange;
4 ttani kikumi mu kkumi eza zaabu eya Ofiri, ne ttani bibiri mu nkaaga
eza ffeeza omulongoosemu okugibissa ku bisenge by'ekizimbe,

5 n'olw'omulimu ogwa zaabu n'ogwa ffeeza, n'omulimu gwonna
ogunaakolebwa abafundi. Kale ani aneewaayo okwewonga leero eri
MUKAMA?"
6 Awo emitwe gy'ennyumba, n'abataka b'ebika bya Isirayiri,
n'abaduumizi ab'olukumi n'ab'ekikumi, n'abakungu abaavunaanyiz-
ibwanga emirimu gya kabaka, ne beewaayo awatali kuwalirizibwa.
7 Ne bawaayo zaabu ttani kikumi mu kyenda ne kilo kinaana mu nnya,
ne ffeeza ttani bisatu mu nsanvu mu ttaano, n'ebikomo ttani lukaaga mu
nsanvu mu ttaano, n'ebyuma ttani enkumi ssatu mu lusanvu mu ataano,
olw'omulimu gwa yeekaalu ya Katonda.
8 Abo abaalina amayinja ag'omuwendo, baagawaayo eri eggwanika lya
yeekaalu ya MUKAMA, eyakuumibwanga Yekyeri Omugerusoni.
9 Abantu ne basanyukira nnyo okwewaayo abakulembeze baabwe kwe
beewaayo, kubanga baawaayo n'omutima ogutuukiridde eri MUKAMA. Ne
kabaka Dawudi n'asanyuka nnyo nnyini.

### *Essaala ya Dawudi*

10 Awo Dawudi n'atendereza MUKAMA mu lujjudde lw'abantu bonna,
n'ayogera nti,
"Weebazibwe, Ayi MUKAMA Katonda,
Katonda wa jjajjaffe Isirayiri,
emirembe n'emirembe.
11 Obukulu, n'amaanyi, n'ekitiibwa, n'obuwanguzi,
n'okugulumizibwa bibyo, Ayi MUKAMA Katonda,
kubanga byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bibyo.
Obwakabaka bubwo, Ayi MUKAMA Katonda,
era ogulumizibwa okuba omukulu wa byonna.
12 Obugagga n'ekitiibwa biva gy'oli,
era ggwe ofuga ebintu byonna;
omukono gwo gwa maanyi era gwa buyinza
era gugulumiza ne guwa amaanyi bonna.
13 Kale nno, Katonda waffe, tukwebaza
era tutendereza erinnya lyo ery'ekitiibwa.
14 "Naye nze ani n'abantu bange kye ki, ffe okusobola okuwaayo bwe
tutyo nga ffe tweyagalidde? Byonna biva gy'oli, era tukuwadde ku bibyo.
15 Ffe tuli bagenyi era abatambuze mu maaso go, nga bajjajjaffe bonna
bwe baali, n'ennaku zaffe ez'oku nsi ziri ng'ekisiikirize, awatali ssuubi.
16 Era Ayi MUKAMA Katonda waffe, ebintu bino byonna bye tuwaddeyo
olw'okuzimba eyeekaalu ku lw'erinnya lyo, biva gy'oli, era byonna bibyo.
17 Katonda wange, mmanyi nti okebera emitima, era osanyukira
obwesimbu, n'ebintu bino byonna mbiwaddeyo awatali kuwalirizibwa,
era n'omutima omwesimbu. Era kaakano ndabye abantu bo nga bakuwa
n'essanyu n'omwoyo gumu.
18 Ayi MUKAMA, Katonda wa bajjajjaffe Ibulayimu, Isaaka, ne Isirayiri,
okuume omuliro ogwo mu mitima gy'abantu bo emirembe gyonna, era
emitima gyabwe ginywerere ku gwe.
19 Owe Sulemaani mutabani wange omutima ogumaliridde okukumanga
ebiragiro byo, empya zo, n'amateeka go, era omuwe amaanyi okuzimba
ekizimbe kye ntegese."
20 Awo Dawudi n'agamba ekibiina kyonna nti, "MUKAMA Katonda
wammwe atenderezebwe." Ekibiina kyonna ne kitendereza MUKAMA,

Katonda wa bajjajjaabwe nga bakutamye emitwe gyabwe, nga bwe bagwa ne ku ttaka mu maaso ga MUKAMA ne kabaka.

### *Sulemaani Atikkirwa Okuba Kabaka*

21 Ku lunaku olwaddirira ne bawaayo ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA, ng'omwo mwe muli seddume lukumi, n'endiga ennume lukumi, n'obwana bw'endiga obulume lukumi, era n'ebiweebwayo eby'okunywa ne ssaddaaka endala ku lwa Isirayiri yenna.
22 Ne baliira era ne banywera mu maaso ga MUKAMA nga bajjudde essanyu lingi ku lunaku olwo.

Awo Sulemaani mutabani wa Dawudi n'akakasibwa nga kabaka omulundi ogwokubiri, era n'afukibwako amafuta mu maaso ga MUKAMA okuba omukulembeze ne Zadooki okuba kabona.
23 Awo Sulemaani n'atuula ku ntebe ey'obwakabaka eya MUKAMA nga ye kabaka mu kifo kya Dawudi kitaawe, era n'alaba omukisa ne Isirayiri yenna ne mugondera.
24 Abakungu bonna n'abasajja abazira bonna, ne batabani ba kabaka Dawudi bonna ne bawera eri kabaka Sulemaani.
25 MUKAMA n'agulumiza nnyo Sulemaani mu maaso ga Isirayiri yenna, era n'aweebwa ekitiibwa eky'obwakabaka ekyali kitaweebwanga kabaka mulala yenna mu Isirayiri.

### *Okufa kwa Dawudi*

26 Dawudi mutabani wa Yese yali kabaka wa Isirayiri yenna.
27 Yafugira Isirayiri okumala emyaka amakumi ana, nga musanvu yagifugira e Kebbulooni, n'emirala amakumi asatu n'agifugira mu Yerusaalemi.
28 N'afa ng'akaddiye nnyo, ng'ajjudde essanyu olw'emyaka gye yamala ku nsi, mu bugagga ne mu kitiibwa, era Sulemaani mutabani we n'amusikira.
29 Era ebyafaayo ebyomumirembe gya kabaka Dawudi okuviira ddala ku ntandikwa okutuukira ddala ku nkomerero, byawandiikibwa mu bitabo ebyomumirembe bya nnabbi Samwiri ne mu bitabo ebyomumirembe ebya Gaadi omulabirizi,
30 era n'eby'okufuga kwe, n'obuyinza bwe, n'ebyo byonna ebyamutuukako, ne ku Isirayiri, ne ku bwakabaka obulala obwali bumwetoolodde, byonna byawandiikibwa omwo.

# Ekitabo Ekiyitibwa Ebyomumirembe Ekyokubiri

*Sulemaani Asaba Amagezi*

1 Sulemaani mutabani wa Dawudi n'atebenkera ku bwakabaka bwe,
kubanga MUKAMA Katonda we yali wamu naye, era n'amugulumiza nnyo.
2 Awo Sulemaani n'ayita Isirayiri yonna, n'atumya abaduumizi
b'enkumi n'ab'ebikumi, n'abalamuzi, n'abakadde bonna mu Isirayiri
yonna, n'abakulembeze b'ennyumba za bajjajjaabwe.
3 Sulemaani n'ekibiina kyonna ne bagenda e Gibyoni eyali ekifo
ku lusozi awaali Eweema ya Katonda ey'Okukuŋŋaanirangamu, Musa
omuweereza wa MUKAMA gye yakuba, eyo mu ddungu.
4 Naye Dawudi yali aggye essanduuko ya Katonda okuva e Kiriya-
suyalimu, n'agitwala e Yerusaalemi gye yali agitegekedde ng'agizimbidde
eweema.
5 Era n'ekyoto eky'ekikomo Bezaaleeri mutabani wa Uli, muzzukulu wa
Kuuli kye yali azimbye, kyali eyo mu lusiisira lwa MUKAMA, ne Sulemaani
n'ekibiina kyonna gye beebuulizanga ku MUKAMA.
6 Sulemaani n'ayambuka eri ekyoto eky'ekikomo n'alaga mu maaso
ga MUKAMA mu Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu n'aweerayo ku kyoto
ebiweebwayo ebyokebwa lukumi.
7 Ekiro ekyo Katonda n'alabikira Sulemaani n'amugamba nti, "Saba
kyonna ky'oyagala nkuwe."
8 Sulemaani n'addamu Katonda nti, "Olazze kitange Dawudi ekisa
n'okwagala kungi nnyo, n'onfuula omusika we.
9 Kaakano, MUKAMA Katonda, kye wasuubiza kitange Dawudi, ns-
aba kituukirizibwe, kubanga onfudde kabaka ow'eggwanga eryenkana
ng'enfuufu ku nsi mu bungi bwayo.
10 Ompe amagezi n'okumanya, ndyoke nkulembere abantu bano;
kubanga ani ayinza okufuga eggwanga lyo lino eddene bwe liti?"
11 Katonda n'addamu Sulemaani nti, "Kubanga ekyo kibadde mu mu-
tima gwo, n'otosaba bintu, oba obugagga, wadde ekitiibwa newaakubadde
okuwangula abalabe bo, ate n'otosaba na buwangaazi, naye n'osaba
amagezi n'okumanya osobole okufuga abantu bange, ggwe, nga kabaka
waabwe,
12 amagezi n'okumanya bikuweereddwa. Era nzija kukuwa obugagga,
n'ebintu, n'ekitiibwa, ebitenkana ebyo bakabaka abaakusooka bye
baalina, wadde abalijja ng'ovuddewo, bye balifuna."
13 Awo Sulemaani n'ava mu maaso g'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu
e Gibyoni n'addayo e Yerusaalemi. N'afuga Isirayiri.
14 Sulemaani n'akuŋŋaanya amagaali n'abeebagala embalaasi; n'aba
n'amagaali lukumi mu bina, n'abeebagala embalaasi omutwalo gumu mu
enkumi bbiri, be yateeka mu bibuga eby'amagaali, ne mu Yerusaalemi gye
yabeeranga.
15 Kabaka n'afuula effeeza ne zaabu okuba ebyabulijjo mu
Yerusaalemi, nga bingi ng'amayinja; era n'afuula n'emivule okuba
emingi ng'emisukamooli mu nsenyi.

16 Embalaasi za Sulemaani zaasubulibwanga okuva e Misiri, era abasuubuzi ba kabaka be baazigulangayo.

17 Eggaali baagisuubulanga kilo musanvu eza ffeeza, embalaasi ne bagisuubulanga kilo emu ne desimoolo musanvu eza ffeeza okuva e Misiri. Ate era baazitunzanga ne bakabaka bonna ab'Abakiiti ne bakabaka ab'e Busuuli.

# 2

*Enteekateeka z'Okuzimba Yeekaalu*

1 Sulemaani n'awa ebiragiro okuzimbira erinnya lya MUKAMA eyeekaalu, ate naye okwezimbira olubiri olwa kabaka.

2 N'alonda abasajja emitwalo musanvu okuba abeetissi, n'abalala emitwalo munaana okutema amayinja mu nsozi, n'abalala enkumi ssatu mu lukaaga okubakuliranga.

3 Awo Sulemaani n'aweereza Kulamu kabaka w'e Ttuulo obubaka nti,

"Nga bwe wakolagananga ne Dawudi kitange, n'omuweereza emivule egy'okwezimbira olubiri lwe okubeeramu, nange kolagana nange mu ngeri y'emu.

4 Laba kaakano nnaatera okuzimbira erinnya lya MUKAMA Katonda wange eyeekaalu, era ngiwonge olw'okwoterezaayo obubaane obw'ebyakaloosa obulungi mu maaso ge, n'okuweerayo emigaati egya buli lunaku, n'olw'okuweerayo ebiweebwayo ebyokebwa enkya n'akawungeezi buli ssabbiiti ne ku myezi nga kye gijje giboneke ne ku mbaga ezaatekebwawo eza MUKAMA Katonda waffe, ng'ekiragiro eky'enkalakkalira eri Isirayiri.

5 "Eyeekaalu gye ŋŋenda okuzimba ejja kuba yaakitiibwa, kubanga Katonda waffe waakitiibwa okusinga bakatonda abalala bonna.

6 Naye ani ayinza okumuzimbira eyeekaalu, nga n'eggulu erya waggulu ddala taligyamu? Noolwekyo nze ani okumuzimbira eyeekaalu, okuggyako okumuzimbira ekifo eky'okwoterezangamu obubaane mu maaso ge?

7 "Noolwekyo mpeereza omusajja omumanyirivu nga mugezi asobola okuweesa zaabu, ne ffeeza, n'ebikomo, n'ebyuma, ate era asobola okuluka engoye eza kakobe, n'entwakaavu, n'eza bbululu, ate era nga mumanyirivu mu kukola enjola ez'engeri zonna, ngakolaganira wamu n'abasajja bange abamanyirivu mu by'omu Yuda ne mu Yerusaalemi, Dawudi kitange be yateekateeka.

8 "Era mpeereza n'emivule, n'emiberosi, n'emitoogo okuva e Lebanooni, kubanga mmanyi nti abasajja bo bamanyirivu mu kutema emiti mu Lebanooni. Abaddu bange banaakolagananga n'ababo

9 okunteekerateekera embaawo mu bungi, kubanga eyeekaalu gye ŋŋenda okuzimba egenda kuba nnene era nga yaakitiibwa.

10 Laba, ndiwa abaweereza bo, abasajja ababazzi, lita ez'eŋŋaano ense emitwalo amakumi ana mu ena, ne lita eza sayiri, emitwalo amakumi ana mu ena, n'ebita eby'omwenge emitwalo ebiri, n'ebita eby'amafuta ag'omuzeeyituuni emitwalo ebiri."

11 Awo Kulamu n'addamu ebbaluwa Sulemaani gye yamuweereza ng'agamba nti,

"Kubanga MUKAMA ayagala abantu be, kyavudde akufuula kabaka waabwe."

12 N'ayongerako na kino nti,

"MUKAMA Katonda wa Isirayiri eyakola eggulu n'ensi, yeebazibwe, kubanga awadde kabaka Dawudi omwana omutegeevu, alina okutegeera n'okwawula ebirungi n'ebibi, agenda okuzimbira MUKAMA eyeekaalu, n'okwezimbira olubiri.

13 "Nkuweereza Kulamu omusajja omumanyirivu, era alina okutegeera n'obumanyirivu bungi,

14 ne nnyina y'omu ku bazzukulu ba Ddaani, nga ne kitaawe musajja w'e Ttuulo. Yatendekebwa mu kuweesa zaabu n'effeeza, n'ebikomo n'ebyuma n'okutema amayinja era nga mubazzi, ate n'okuluka engoye eza kakobe, n'eza bbululu, n'entwakaavu, n'eza bafuta. Era alina obumanyirivu mu kwola enjola ez'engeri zonna, era ayinza okuyiiya engeri yonna ey'okukolamu ekintu kyonna ekimuweereddwa. Y'anaakolanga n'abaweesi bo n'aba mukama wange Dawudi.

15 "Kaakano mukama wange aweereze abaddu be eŋŋaano ne sayiri, n'amafuta ag'omuzeeyituuni ne wayini gwe yasuubiza,

16 tulyoke tuteme emiti gyonna gye weetaaga okuva e Lebanooni. Tunaagiseeyeeyeteza ku nnyanja okutuuka e Yopa, naawe oligyambusa e Yerusaalemi."

17 Awo Sulemaani n'abala bannaggwanga bonna abaali mu nsi eya Isirayiri, ng'okubala Dawudi kitaawe kwe yakola bwe kwali; baali abasajja emitwalo kkumi n'ettaano mu enkumi ssatu mu lukaaga.

18 N'alonda mu bo emitwalo musanvu okuba abeetissi, n'abalala emitwalo munaana okutemanga amayinja mu nsozi, n'abalala enkumi ssatu mu lukaaga okulabiriranga abantu abaakolanga.

# 3

### *Sulemaani Azimba Yeekaalu*

1 Awo Sulemaani n'atandika okuzimba yeekaalu ya MUKAMA mu Yerusaalemi ku lusozi Moliya, MUKAMA gye yalabikira Dawudi kitaawe, ekifo Dawudi kye yali alonze ku gguuliro lya Olunaani Omuyebusi.

2 Yatandika okugizimba mu mwezi ogwokubiri mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwe.

3 Omusingi Sulemaani gwe yasima ogwa yeekaalu ya Katonda gwali obuwanvu mita amakumi abiri mu musanvu ng'obugazi mita mwenda, mu kukozesa ebipimo okw'edda.

4 Ekisasi ekyali mu maaso ga yeekaalu kyali obuwanvu mita mwenda n'obugazi nga kye kimu, n'obugulumivu kyali mita mwenda. Munda mu yeekaalu n'asiigamu ne zaabu ennongoofu.

5 Mu kisenge ekinene n'assaamu embaawo ez'emiberosi, ne munda waakyo n'akisiiga ne zaabu ennongoofu, ate era n'akitimba n'enkindu n'emikuufu.

6 N'ayonja yeekaalu n'amayinja ag'omuwendo, ne zaabu gwe yakozesa yali zaabu owa Paluvayimu.

7 Ku myango, ne ku miryango, ne ku bisenge ne ku nzigi za yeekaalu, byonna n'abisiigako zaabu; ate era n'awoola ne bakerubi ku bisenge.

8 N'azimba n'Ekifo Ekitukuvu Ennyo, ng'obuwanvu kyenkanankana obugazi bwa yeekaalu, obuwanvu kyali mita mwenda n'obugazi mita mwenda. Munda waakyo n'asiigamu ttani amakumi abiri mu ssatu eza zaabu ennongoofu.

9 Obuzito bw'emisumaali bwali desimoolo mukaaga era nga gya zaabu.

10 Mu Kifo Ekitukuvu Ennyo n’abajjirayo bakerubi babiri n’abasiiga ne
zaabu.
11 Obugazi bw’ebiwaawaatiro bya bakerubi bwali mita mwenda,
ng’ekimu obuwanvu bwakyo kiri mita bbiri ne desimoolo ssatu, nga
kituuka ku kisenge kya yeekaalu, n’ekirala obuwanvu nga kiri mita bbiri
ne desimoolo ssatu, nga kituuka ku kerubi omulala.
12 N’ekiwaawaatiro kya kerubi omulala kyali obuwanvu mita bbiri ne
desimoolo ssatu nga kituuka ku ludda lw’ekisenge kya yeekaalu ekirala,
n’ekiwaawaatiro ekirala obuwanvu nga kiri mita bbiri ne desimoolo ssatu,
nga kituuka ku kerubi oli omulala.
13 Obuwanvu bw’ebiwaawaatiro bya bakerubi bwali mita mwenda
awamu, era baasimbibwa ku bigere byabwe, nga batunuuliraganye.
14 N’akola olutimbe nga lulimu bbululu, effulungu, era nga lutwakaavu,
ne bafuta ennungi n’alukubako ebifaananyi bya bakerubi.
15 Mu maaso ga yeekaalu yassaawo empagi bbiri, obuwanvu bwazo mita
kkumi na mukaaga, nga buli emu ku zo eriko omutwe ogwenkana mita
bbiri ne desimoolo ssatu.
16 N’akola emikuufu mu kifo eky’omunda awasinzirwa okwogera
n’agissa ku mitwe gy’empagi, ate era n’akola n’amakomamawanga
kikumi, n’agateeka ku mikuufu egyo.
17 N’asimba empagi mu maaso ga yeekaalu, emu ku luuyi
olw’ebugwanjuba obwa ddyo, n’endala ku luuyi olw’ebugwanjuba obwa
kkono. Ey’oku luuyi olw’ebugwanjuba obwa ddyo yagituuma Yakini*,
n’eyo ku luuyi olw’ebugwanjuba obwa kkono n’agituuma Bowaazi†.

# 4

*Ebintu Ebyole ebya Yeekaalu*

1 Yazimba ekyoto eky’ekikomo, obuwanvu bwakyo mita mwenda,
n’obugazi bwakyo mita mwenda, ng’obugulumivu bwakyo mita nnya
n’ekitundu.
2 N’akola Ennyanja ensaanuuse, nga neekulungirivu, nga ya mita nnya
n’ekitundu okuva ku mugo okutuuka ku mugo, ng’obugulumivu eri mita
bbiri ne desimoolo ssatu, ate ng’obwetooloovu eri mita kkumi na ssatu
n’ekitundu.
3 Wansi waakyo waaliyo ebifaananyi by’ente ennume nga mumbe,
nga buli emu eri kitundu kya mita obuwanvu, era nga zikyetoolodde.
Ebifaananyi byasaanuusibwanga mu nnyiriri bbiri bbiri, ekidiba bwe
kyasaanuusibwanga.
4 Ennyanja yatuulanga ku bifaananyi by’ente ennume kkumi na bbiri,
essatu nga zitunuulira obukiikakkono, n’essatu endala nga zitunuulira
ebugwanjuba, n’essatu endala nga zitunuulira obukiikaddyo, n’essatu
endala nga zitunuulira ebuvanjuba. Ennyanja yatuulanga ku zo waggulu,
n’amagulu gaazo ag’emabega nga gatunudde munda, wakati waayo.
5 Obukwafu bwayo bwali nga luta, n’omugo gwayo ng’omugo
gw’ekikopo, n’okufaanana ng’efaanana ng’ekimuli ky’amalanga. Yatekeb-
wangamu lita emitwalo mukaaga.
6 N’akolayo ne bensani kkumi ez’okwolezangamu, etaano n’azissa
ku luuyi olw’obukiikaddyo, n’ettaano endala n’azissa ku luuyi
olw’obukiikakkono. Omwo mwe mwanyumungulizibwanga ebintu

* 3:17 Yakini amakulu nti yeeteekawo † 3:17 Bowaazi amakulu nti mu ye mwe muli amaanyi

ebyakozesebwanga mu kiseera eky'okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa,
naye ng'Ennyanja ya bakabona okuginaabirangamu.
7 N'akola ebikondo eby'ettaala ez'omukono kkumi nga bya zaabu,
ng'ekiragiro kyabyo bwe kyali, n'abiteeka mu yeekaalu, ebitaano ku luuyi
olw'obukiikaddyo, n'ebitaano ebirala ku luuyi olw'obukiikakkono.
8 N'akola n'emmeeza kkumi, n'aziteeka mu yeekaalu, etaano ku luuyi
olw'obukiikaddyo, n'etaano endala ku luuyi olw'obukiikakkono. N'akola
ne bbakuli ezikozesebwa okumansira kkumi nga za zaabu.
9 N'akola oluggya lwa bakabona, n'oluggya olunene ddala, n'enzigi
ez'oluggya, n'enzigi n'azisaaba n'ekikomo.
10 Ennyanja n'agiteeka ku luuyi olw'obukiikaddyo obw'ebuvanjuba mu
yeekaalu.
11 N'akola n'ensuwa, n'ebisena, ne bbakuli.
Awo Kulamu n'amaliriza omulimu ogwali gumuwereddwa kabaka Sulemaani ku yeekaalu ya Katonda:

12 empagi bbiri,
n'emitwe egifaanana ng'ebakuli ku mitwe gy'empagi,
n'ebitimba bya mirundi ebiri nga bibeera ku mitwe egyali ku mpagi,
13 n'amakomamawanga ebikumi bina obw'ebitimba biri ebibiri, buli kitimba nga kirina ennyiriri bbiri ez'amakomamawanga, nga zitimbye emitwe gy'empagi.
14 N'akola n'ebiyimirirwako, n'amabensani gaakwo,
15 n'Ennyanja n'ebifaananyi by'ente ennume emumbe,
16 n'ensuwa, n'ebisena, n'ewuuma ez'ennyama, n'ebintu byonna ebigenderako.

Ebintu byonna Kulamu bye yakolera Kabaka Sulemaani ku lwa yeekaalu
ya MUKAMA yabizigula n'ekikomo.
17 Kabaka yalagira babisaanuusize mu lusenyi lwa Yoludaani, awali
ettaka ery'ebbumba wakati w'e Sukkosi n'e Zereda.
18 Sulemaani n'akola ebintu ebyo byonna nga bingi nnyo nnyini,
n'obuzito bw'ekikomo mwe byakolebwa ne butamanyibwa.
19 Sulemaani n'akola ebintu byonna ebyole mu yeekaalu ya Katonda:

ekyoto ekya zaabu,
n'emmeeza okwabanga emigaati egy'okulaga,
20 n'ebikondo eby'ettaala ez'omukono nga bya zaabu, wamu ne ttaala zaabyo, okwakiranga mu maaso g'awaayimirirwanga okwogera, ng'ekiragiro bwe kyali,
21 n'ebimuli, ne ttaala, ne wuuma nga byonna zaabu ntuukirivu,
22 n'ebisalako ebisirinza, ne bensani, ne bbakuli ez'okumansira akaloosa, ne fulampeni nga bya zaabu ennongoose, n'enzigi za yeekaalu, n'enzigi ez'omunda mu Kifo Ekitukuvu Ennyo, n'enzigi ez'ekisenge ekinene, nga byonna bya zaabu.

## 5

1 Bw'atyo Sulemaani n'amaliriza omulimu gwonna ogwa yeekaalu ya
MUKAMA. N'alyoka aleeta ebintu kitaawe Dawudi bye yawonga, effeeza
ne zaabu n'ebintu ebirala byonna ebyole, n'abiteeka mu mawanika ga
yeekaalu ya Katonda.

*Essanduuko Ereetebwa mu Yeekaalu*

2 Awo Sulemaani n'akuŋŋaanya abakadde ba Isirayiri, n'abakulu
b'ebika, n'abakulu b'ennyumba za bajjajja b'abantu ba Isirayiri bagende
baleete essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA okuva mu Sayuuni, ekibuga
kya Dawudi.
3 Abasajja bonna aba Isirayiri ne bakuŋŋaanira mu maaso ga kabaka
mu kiseera eky'embaga mu mwezi ogw'omusanvu.
4 Abakadde bonna aba Isirayiri bwe baatuuka, Abaleevi ne basitula
essanduuko,
5 ne bagireeta, n'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, n'ebintu byonna
ebitukuvu ebyali mu weema. Bakabona n'Abaleevi be baabisitula.
6 Awo kabaka Sulemaani n'ekibiina kyonna ekya Isirayiri, abaali
bakuŋŋaanye nga bamwetoolodde, nga bali mu maaso g'essanduuko, ne
bawaayo ssaddaaka ez'endiga n'ente, ezitaabalibwa muwendo.
7 Awo bakabona ne baleeta essanduuko ey'endagaano ya MUKAMA
munda mu kifo kyayo mu watukuvu wa yeekaalu, mu Kifo Ekitukuvu
Ennyo, ne bagiteeka wansi w'ebiwaawaatiro bya bakerubi.
8 Bakerubi baayanjalanga ebiwaawaatiro byabwe okubuna ekifo
eky'essanduuko, ne babikkanga essanduuko n'emisituliro gyayo.
9 Era emisituliro gyali miwanvu nnyo nga n'okulengerebwa giren-
gerebwa okuva mu watukuvu, naye nga tegirabika ng'omuntu asinzidde
ebweru; era ekyali eyo ne leero.
10 Essanduuko yalimu ebipande Musa bye yateekamu nga ali ku Kolebu,
MUKAMA gye yakolera endagaano n'Abayisirayiri, bwe baali bavudde mu
Misiri.
11 Awo bakabona bonna ne bava mu Kifo Ekitukuvu. Bonna abaaliwo
baali beetukuzizza, obutayawula mu bibiina byabwe.
12 Abaleevi bonna abaali abayimbi, ng'omwo mwe muli Asafu, Kemani,
Yedusuni ne batabani baabwe n'ab'eŋŋanda zaabwe nga bambadde
bafuta ennungi, nga bakutte ebitaasa, n'entongooli, n'ennanga, ne bay-
imirira ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'ekyoto, wamu ne bakabona kikumi
mu abiri abaafuuwanga amakondeere.
13 Awo abaafuuwanga amakondeere n'abayimbi ne beegattira wamu
mu ddoboozi ery'awamu ne batendereza era ne beebaza MUKAMA. Ne
batendereza MUKAMA nga bafuuwa amakondeere, nga bakuba n'ebitaasa,
n'ebivuga ebirala nga bayimba nti,

"Mulungi,
kubanga okwagala kwe okwenkalakkalira kubeerera emirembe n'emirembe."

Awo yeekaalu ya MUKAMA n'ejjula ekire.
14 Bakabona ne batasobola kukola mulimu gwabwe ogw'obuweereza
olw'ekire, kubanga ekitiibwa kya MUKAMA kyajjula yeekaalu ya MUKAMA.

# 6

1 Mu kiseera ekyo Sulemaani n'ayogera nti, "MUKAMA eyagamba nti
Alituula mu kizikiza ekikutte;
2 nkuzimbidde yeekaalu ey'ekitiibwa, ekifo ky'onoobeerangamu
emirembe gyonna."
3 Awo kabaka n'akyuka n'atunuulira ekibiina kyonna ekya Isirayiri
ekyali kiyimiridde awo, n'abasabira omukisa.
4 N'ayogera nti,

"Yeebazibwe MUKAMA Katonda wa Isirayiri, atuukiriza n'omukono gwe ekyo kye yasuubiza n'akamwa ke eri Dawudi kitange, ng'agamba nti,
5 " 'Okuva ku lunaku lwe naggya abantu bange mu nsi y'e Misiri, tewali kibuga kye nnalonda mu bika byonna ebya Isirayiri okuzimba mu eyeekaalu olw'erinnya lyange, wadde omuntu yenna okuba omukulembeze w'abantu bange Isirayiri.
6 Naye kaakano nnonze Yerusaalemi okubeeramu Erinnya lyange, era
nnonze Dawudi okufuga abantu bange Isirayiri.'
7 "Kitange Dawudi yali akiteeseteese mu mutima gwe okuzimbira Erinnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri eyeekaalu.
8 Naye MUKAMA n'agamba kitange Dawudi nti, 'Newaakubadde nga
kyali mu mutima gwo okuzimbira Erinnya lyange eyeekaalu, era wakola
bulungi okuba nakyo mu mutima gwo,
9 naye si ggwe olizimba yeekaalu eyo, wabula mutabani wo,
ow'omubiri gwo n'omusaayi gwo; y'alizimbira Erinnya lyange eyeekaalu.'
10 "Kaakano, MUKAMA atuukirizza kye yasuubiza. Nsikidde Dawudi kitange, era ntudde ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri, nga MUKAMA bwe yasuubiza, era nzimbidde Erinnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri eyeekaalu.
11 Era omwo mwe ntadde essanduuko, omuli endagaano eya MUKAMA
ggye yakola n'abantu ba Isirayiri."

### *Okusaba kwa Sulemaani okw'Okuwonga Eyeekaalu*

12 Awo Sulemaani n'ayimirira mu maaso g'ekyoto kya MUKAMA mu
maaso g'ekibiina kyonna ekya Isirayiri, n'ayimusa emikono gye.
13 Yali akoze ekituuti eky'ekikomo, ekyali mita bbiri ne desimoolo ssatu
obuwanvu n'obugazi mita bbiri ne desimoolo ssatu, n'obugulumivu mita
emu ne desimoolo ssatu, era ng'akitadde wakati mu luggya olw'ebweru
era kye yali ayimiriddeko. N'afukamira mu maaso g'ekibiina kyonna ekya
Isirayiri, n'ayimusa emikono gye eri eggulu.
14 N'ayogera nti,

"Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri tewali Katonda akufaanana mu ggulu newaakubadde ku nsi, atuukiriza endagaano ye ey'okwagala eri abaddu be abatambulira mu maaso ge n'emitima gyabwe gyonna.
15 Otuukirizza ekyo kye wasuubiza omuddu wo Dawudi kitange,
kubanga wasuubiza n'akamwa ko, era okituukirizza n'omukono gwo
leero.
16 "Kaakano Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri, tuukiriza ebyo bye wasuubiza Dawudi kitange bwe wayogera nti, 'Tolirema kufuna musika mu maaso gange kutuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri, ab'ezzadde lyo bwe baneegenderezanga okutambuliranga mu maaso gange ng'etteeka lyange bwe liri, nga ggwe bw'otambulidde mu maaso gange.'
17 Kale nno, Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri ekigambo kyo kye
wasuubiza Dawudi omuddu wo kituukirire.
18 "Naye ddala Katonda alituula n'abantu ku nsi? Laba, eggulu n'eggulu erisinga okuba erya waggulu toligyamu, kale ate olwo yeekaalu gye nzimbye gy'oyinza okugyamu?
19 Wuliriza okusaba kw'omuddu wo n'okwegayirira kwe, Ayi MUKAMA
Katonda wange, owulire okusaba kw'omuddu wo kwasaba gy'oli.

20 Amaaso go gatunuulirenga eyeekaalu eno emisana n'ekiro, ekifo
kye wayogerako nti oliteeka omwo Erinnya lyo, era owulire okusaba
kw'omuddu wo eri ekifo kino.
21 Wulira kaakano okwegayirira kw'omuddu wo n'okw'abantu bo Isir-
ayiri, bwe banaabanga basaba nga batunuulidde ekifo kino; owulirenga
okuva mu kifo eyo gy'obeera, era bw'owuliranga, osonyiwenga.
22 "Omuntu bw'anaayonoonanga ku muliraanwa we, ne kimugwanira
okulayira, era n'ajja n'alayira mu maaso g'ekyoto mu yeekaalu eno,
23 owulirenga okuva mu ggulu, obeeko ky'okola. Osalenga omu-
sango wakati w'abaddu bo osasulenga gwe gusinze, ng'ebikolwa bye
bwe bimusaanira. Oyatulenga atalina musango, era omusasulenga
ng'obutuukirivu bwe, bwe bunaabanga.
24 "Abantu bo Isirayiri bwe banaabanga bawanguddwa omulabe
olw'obutali butuukirivu bwabwe, naye ne bakyuka ne baatula erinnya
lyo, ne basaba ne beegayiririra mu maaso go mu yeekaalu eno,
25 kale owulirenga ng'osinziira mu ggulu, osonyiwe ekibi ky'abantu
bo Isirayiri era obakomyewo mu nsi gye wabawa bo ne bajjajjaabwe.
26 "Eggulu bwe linaggalwangawo ne wataba nkuba, kubanga
boonoonye gy'oli, naye ne basaba nga batunuulidde ekifo kino, ne
baatula erinnya lyo, ne bakyuka okuleka ekibi kyabwe ekibaweezesezza
ekibonerezo,
27 kale owulirenga ng'osinziira mu ggulu, osonyiwe ekibi ky'abaddu
bo, abantu bo Isirayiri, obayigirize ekkubo eggolokofu, lye bateekwa
okutambulirangamu, era obaweereze enkuba ku nsi gye wawa abantu bo,
obusika bwo.
28 "Bwe wanaagwangawo enjala oba kawumpuli mu nsi, oba ne
wabaawo okugengewala oba obukuku, oba enzige oba ebisaanyi,
oba abalabe baabwe ne babazingiriza mu bibuga byabwe wadde ne
bw'anaabanga kawumpuli ow'engeri etya, oba bulwadde bwa ngeri ki,
29 ne wabaawo okusaba oba okwegayirira okw'engeri zonna okukoled-
dwa omuntu yenna, oba abantu bo bonna Isirayiri, nga buli omu
ategedde endwadde ye, n'obuyinike bwe, era ng'ayanjulurizza engalo ze
eri yeekaalu eno,
30 kale owulirenga ng'osinziira mu ggulu gy'obeera osonyiwe, era
osasule buli muntu ng'ebikolwa bye bwe biri, kubanga ggwe wekka
gw'omanyi emitima gy'abaana b'abantu;
31 balyoke bakutyenga, era batambulirenga mu makubo go ennaku
zonna ze banaabeeranga mu nsi gye wawa bajjajjaffe.
32 "Era mu ngeri y'emu, bwe wanaabangawo munnaggwanga atali
wa ku bantu bo Isirayiri, ng'ava mu nsi ey'ewala, olw'erinnya lyo
ekkulu, n'olw'omukono gwo ogw'amaanyi, n'omukono gwo ogugolod-
dwa, bw'anajjanga n'asaba ng'atunuulidde eyeekaalu eno,
33 kale owulirenga ng'osinziira mu ggulu gy'obeera, okolere omunnag-
gwanga oyo kyonna ky'anaakusabanga; abantu bonna ab'omu nsi balyoke
bamanye erinnya lyo era bakutye, ng'abantu bo Isirayiri bwe bakola, era
bategeere nti ennyumba eno gye nzimbye etuumiddwa Erinnya lyo.
34 "Abantu bo bwe banaatabaalanga abalabe baabwe, yonna
gy'onoobasindikanga, ne basaba nga batunuulidde ekibuga kino
ky'olonze ne yeekaalu gye nzimbidde Erinnya lyo,
35 kale owulirenga okusaba kwabwe n'okwegayirira kwabwe,
ng'osinziira mu ggulu, obaddiremu.

36 “Bwe banaakolanga ebisobyo, kubanga tewaliwo muntu atasobya, n’obasunguwalira, n’obawaayo eri omulabe, ne batwalibwa nga basibe mu nsi ey’ewala oba ey’okumpi,

37 oluvannyuma ne beenenya mu mutima nga bali mu nsi gye bali
abasibe, ne bakwegayiririra mu nsi ey’okusibibwa kwabwe nga boogera nti, ‘Twayonoona, twakola eby’obubambavu, era twagira ekyejo,’

38 era bwe beenenyanga n’omutima gwabwe gwonna n’emmeeme
yaabwe yonna mu nsi ey’okusibibwa kwabwe gye baatwalibwa, ne basaba nga batunuulidde ensi gye wawa bajjajjaabwe, n’eri ekibuga kye walonda, n’eri eyeekaalu gye nazimba ku lw’Erinnya lyo,

39 kale, owulirenga okusaba kwabwe n’okwegayirira kwabwe,
ng’osinziira mu ggulu, ekifo gy’obeera obaddiremu, era osonyiwe abantu bo abakwonoonye.

40 “Kaakano Katonda wange, amaaso go gazibukenga, n’amatu go gawulirenga okusaba okunaaweerwangayo mu kifo kino.

41 “Era kaakano, Ayi Mukama Katonda golokoka, okke mu kifo kyo
eky’okuwummulirangamu, ggwe n’essanduuko ey’amaanyi go.
Bakabona bo Ayi Mukama Katonda, bambazibwe obulokozi,
era n’abatukuvu bo basanyukire obulungi bwo.

42 Ayi Mukama Katonda, tokyusa maaso go okuva ku oyo gwe wafukako
amafuta.
Ojjukire ekisa kye walaga Dawudi omuddu wo.”

# 7

*Okuwongebwa kwa Yeekaalu*

1 Awo Sulemaani bwe yamaliriza esaala ye, omuliro ne guva mu ggulu
ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka era n’ekitiibwa kya Mukama ne kijjula eyeekaalu.

2 Bakabona ne batayinza kuyingira mu yeekaalu ya Mukama kubanga
ekitiibwa kya Mukama kyajjula eyeekaalu ya Mukama.

3 Awo Abayisirayiri bonna bwe baalaba omuliro nga gukka, n’ekitiibwa
kya Mukama nga kiri ku yeekaalu, ne bavuunama ku lubalaza ng’amaaso gaabwe gatunudde wansi ne basinza era ne beebaza Mukama nga boogera nti,
“Mulungi,
era okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.”

4 Awo kabaka n’abantu bonna, ne baweerayo ssaddaaka mu maaso ga
Mukama.

5 Kabaka Sulemaani n’awaayo ssaddaaka ey’ente ezawera emitwalo ebiri,
n’endiga n’embuzi emitwalo kkumi n’ebiri. Awo kabaka n’abantu bonna ne bawonga eyeekaalu ya Mukama.

6 Bakabona ne bayimirira mu bifo byabwe, n’Abaleevi nabo mu bifo
byabwe nga bakutte ebivuga bya Mukama, kabaka Dawudi bye yali akoze olw’okutenderezanga Mukama, buli lwe yeebazanga Mukama ng’agamba nti, “Okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.” Ku luuyi olwaddirira Abaleevi, bakabona ne bafuuwa amakondeere, Isirayiri yenna n’ayimirira.

7 Sulemaani n’atukuza oluggya olwa wakati olwali mu maaso ga
yeekaalu ya Mukama, era eyo n’aweerayo ebiweebwayo ebyokebwa n’amasavu ag’ebiweebwayo olw’emirembe kubanga ku kyoto eky’ekikomo kye yali akoze kwali tekugyako biweebwayo byokebwa n’ebiweebwayo ebyobutta, n’ebitundu n’amasavu.

8 Era mu kiseera kyekimu Sulemaani n'akuuma embaga eyo okumala ennaku musanvu, ne Isirayiri yenna wamu naye, n'ekibiina ekinene ennyo okuva awayingirirwa e Kamasi okutuuka ku kagga ak'e Misiri.

9 Ku lunaku olw'omunaana ne bakuba olukuŋŋaana, kubanga baali bajjagulizza okuwongebwa kw'ekyoto ennaku musanvu, n'embaga ennaku endala musanvu.

10 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu esatu olw'omwezi ogw'omusanvu, Kabaka Sulemaani n'asindika abantu baddeyo ewaabwe, era ne bagenda nga basanyufu era nga bajaguza mu mitima gyabwe olw'obulungi bwa MUKAMA bwe yalaga Dawudi ne Sulemaani n'abantu be Isirayiri.

### *MUKAMA Alabikira Sulemaani Omulundi Ogwokubiri*

11 Awo Sulemaani bwe yamaliriza eyeekaalu ya MUKAMA, n'olubiri lwa kabaka, era ng'amalirizza n'ebyo byonna bye yali ateeseteese mu mutima gwe okukola mu yeekaalu ya MUKAMA ne mu lubiri lwa kabaka,

12 MUKAMA n'amulabikira mu kiro n'amugamba nti,

"Mpulidde okusaba kwo, era neerobozza gye ndi ekifo kino okuba eyeekaalu ey'okuweerangamu ssaddaaka.

13 "Bwe nnaggalangawo eggulu enkuba n'etatonnya, oba ne ndagira enzige okulya ensi oba ne nsindikira abantu bange kawumpuli,

14 abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe.

15 Era amaaso gange ganaazibukanga, n'amatu gange ganaawuliranga esaala ezinaawebwangayo mu kifo kino.

16 Nnonze era neewongedde yeekaalu eno, Erinnya lyange libeerenga omwo ennaku zonna. Amaaso gange n'omutima gwange binaabeeranga omwo ekiseera kyonna.

17 "Bw'onootambuliranga mu maaso gange nga Dawudi kitaawo bwe yakola, n'okola bye nkulagira byonna, n'okuuma ebiragiro byange n'amateeka gange,

18 ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwo, nga bwe nalagaana ne Dawudi kitaawo bwe nayogera nti, 'Tolirema kuba na musika alifuga Isirayiri.'

19 "Naye bwe munaakyuka ne muva ku mateeka gange n'ebiragiro byange bye mbawadde, ne mugenda okuweereza bakatonda abalala ne mubasinza,

20 ndisiguukulula Isirayiri okuva mu nsi yange, gye mbawadde, era sirifaayo na ku yeekaalu eno gye neewongera olw'Erinnya lyange. Ndigifuula ekisekererwa era ekinyoomebwa mu mawanga gonna.

21 Newaakubadde nga yeekaalu eno eyatiikiridde nnyo, abaliyitawo bonna balyewuunya, nga boogera nti, 'Lwaki MUKAMA akoze ekifaanana bwe kiti ku nsi eno ne ku yeekaalu eno?'

22 Abantu baliddamu nti, 'Kubanga baava ku MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe eyabaggya mu Misiri, ne bagoberera bakatonda abalala, nga babasinza era nga babaweereza, kyavudde abaleetako emitawaana gino gyonna, ginnamuzisa.' "

# 8

### *Ebirala Sulemaani bye Yakola*

1 Bwe wayitawo emyaka amakumi abiri, mu myaka Sulemaani gye yazimbiramu eyeekaalu ya MUKAMA n'olubiri lwe,

2 Sulemaani n'addaabiriza ebibuga Kulamu bye yali amuwadde, n'abiwa Abayisirayiri okubibeerangamu.

3 Sulemaani n'alumba Kamasuzoba n'akiwamba.

4 Era n'azimba ne Tadumoli mu ddungu, n'ebibuga byonna, eby'etterekero mu Kamasi.

5 N'addaabiriza Besukolooni ekya waggulu ne Besukolooni ekya wansi, n'abizimba nga bibuga ebiriko bbugwe, n'enkomera, ne wankaaki, n'ebisiba eby'empagi,

6 n'ekya Baalasi n'ebibuga bye byonna eby'amaterekero, n'ebibuga byonna eby'amagaali ge, n'abavuga amagaali ge, ne kyonna kye yayagala okuzimba mu Yerusaalemi, mu Lebanooni ne mu nsi yonna gye yafuganga.

7 Abantu bonna abaalekebwawo ku Bakiiti, n'Abamoli, n'Abaperezi, n'Abakiivi, n'Abayebusi, nga bano be bataali Bayisirayiri,

8 be bazzukulu abaasigalawo, Abayisirayiri be bataazikiriza, Sulemaani n'abafuula abaddu, ne leero.

9 Naye Sulemaani n'atafuula Bayisirayiri baddu be; bo baali baserikale be, n'abaduumizi b'eggye lye, n'abaduumizi ab'amagaali ge n'abeebagala embalaasi ze.

10 Waaliwo n'abakungu ba kabaka Sulemaani ab'oku ntikko, ebikumi bibiri mu ataano, abaafuganga abantu.

11 Sulemaani n'aggya muwala wa Falaawo mu kibuga kya Dawudi n'amutwala mu lubiri lwe yamuzimbira ng'agamba nti, "Mukyala wange tajja kubeera mu lubiri lwa Dawudi kabaka wa Isirayiri, kubanga ebifo essanduuko ya MUKAMA by'etuusemu bitukuvu."

12 Awo Sulemaani n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa, ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto kya MUKAMA kye yali azimbye mu maaso ag'olubalaza,

13 nga bwe kyali kigwanirwa buli lunaku, okuwangayo ebiweebwayo ng'etteeka lya Musa bwe lyali, erikwata ku ssabbiiti, n'emyezi nga kye gijje giboneke, ne ku mbaga essatu eza buli mwaka, era ze zino: embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa, n'embaga eya ssabbiiti, n'embaga ey'ensiisira.

14 N'alonda ebibinja ebya bakabona olw'obuweereza bwabwe, n'Abaleevi olw'emirimu gyabwe egy'okutenderezanga mu nnyumba, ng'ekiragiro kya Dawudi kitaawe kye yayogera ne mu kuyambangako bakabona mu mirimu egya buli lunaku. Ate era n'alonda n'abaggazi mu bibinja byabwe olw'emiryango egy'enjawulo kubanga bw'atyo Dawudi omusajja wa Katonda bwe yalagira.

15 Ne batava ku biragiro kabaka bye yali awadde bakabona, n'Abaleevi ku bikwatagana n'ensonga yonna, wadde ku bikwatagana n'ebyetterekero ly'ebintu eby'omuwendo.

16 Omulimu gwa Sulemaani ne guggwa bulungi okuva ku lunaku omusingi ogwa yeekaalu ya MUKAMA lwe gwa simibwa okutuusa yeekaalu lwe yaggwa, era n'emalibwa bulungi.

17 Awo Sulemaani n'agenda e Eziyonigeba n'e Erosi ebibuga ebyali ku lubalama lw'ennyanja mu nsi ya Edomu.

18 Kulamu n'amuweereza ebyombo, nga bigobebwa baduumizi be, abasajja abaali bamanyi ennyanja. Ne bagenda e Ofiri n'abaddu ba Sulemaani nga babeegasseko, ne baaleetera kabaka Sulemaani ettani za zaabu kkumi na musanvu.

# 9

### *Okukyala kwa Kabaka Omukazi w'e Seeba*

1 Kabaka omukazi w'e Seeba bwe yawulira ettutumo lya
Sulemaani n'ajja e Yerusaalemi okumugeza n'ebibuuzo ebikalubo,
ng'awerekeddwako ekibinja ekinene omwali eŋŋamira ezaali zeetise
ebyakaloosa, ne zaabu nnyingi nnyo n'amayinja ag'omuwendo omungi.
Awo bwe yatuuka eri Sulemaani, n'anyumya naye ku ebyo byonna ebyali
ku mutima gwe.
2 Sulemaani n'addamu ebibuuzo bye byonna, ne wataba n'ekimu
ekyamulema okumunnyonnyola.
3 Awo Kabaka omukazi w'e Seeba bwe yalaba amagezi ga Sulemaani,
n'olubiri lwe yali azimbye,
4 n'emmere eyaliibwanga ku mmeeza ye, n'okutuula okw'abakungu
be, n'abaweereza be mu byambalo byabwe, n'enyambuka gye yayam-
bukangamu okugenda okuwaayo ebiweebwayo mu yeekaalu ya MUKAMA,
n'aggwaamu omwoyo.
5 N'agamba kabaka nti, "Bye nnawulira nga ndi mu nsi yange ku bikwata
ku bikolwa byo n'amagezi go bya mazima,
6 naye nnali sibikkirizanga okutuusa bwe najja ne mbyelabirako
n'amaaso gange. Laba saabuulirwa wadde ekitundu eky'ettutumo lyo;
bye mpulidde bisingawo ku ebyo bye nnawulira.
7 Abantu bo nga balina omukisa! Abaddu bo abakuweereza bulijjo ne
bawulira amagezi go nga balina omukisa!
8 MUKAMA Katonda wo yeebazibwe akwenyumiririzaamu, era eyaku-
teeka ku ntebe yo ey'obwakabaka. Olw'okwagala kwa Katonda wo
eri Isirayiri, era n'okwagala okubanyweza emirembe gyonna, kyeyava
akufuula kabaka okubafuga, okukola obwenkanya n'obutuukirivu."
9 N'alyoka awa kabaka ettani nnya n'ekitundu eza zaabu, n'ebyakaloosa
bingi nnyo nnyini, n'amayinja ag'omuwendo. Waali tewabangawo bya
kaloosa bingi bwe bityo nga Kabaka omukazi w'e Seeba bye yawa kabaka
Sulemaani.
10 Abasajja ba Kulamu n'abasajja ba Sulemaani abaasuubulanga zaabu
okuva e Ofiri baaleetanga n'emitoogo n'amayinja ag'omuwendo omungi.
11 Kabaka n'akozesa emitoogo egyo okuzimba amaddaala aga yeekaalu
ya MUKAMA n'ag'olubiri lwa kabaka, ate era n'akolamu n'ennanga
n'entongooli z'abayimbi. Waali tewabangawo bifaanana ng'ebyo mu nsi
ya Yuda.
12 Kabaka Sulemaani n'awa Kabaka omukazi w'e Seeba byonna bye
yayagala, okusinga n'ebyo bye yali amuleetedde. N'oluvannyuma
n'addayo mu nsi ye n'ekibinja kye.

### *Obugagga bwa Sulemaani*

13 Obuzito bwa zaabu obwaleetebwanga eri Sulemaani buli mwaka
bwaweranga ettani amakumi abiri mu ttaano,
14 okwo nga tagasseeko ey'obusuulu eyaweebwangayo abasuubuzi
n'abamaguzi. Ate era ne bakabaka ab'e Buwalabu ne bagavana ab'ensi
bamuleeteranga zaabu n'effeeza.
15 Kabaka Sulemaani n'aweesa engabo ennene ebikumi bibiri okuva mu
zaabu omukubeekube, buli emu ku zo ng'erimu kilo ssatu n'ekitundu eza
zaabu omukubeekube.

16 N’aweesa n’engabo entono ebikumi bisatu okuva mu zaabu omukubeekube, buli emu ku zo ng’erimu kilo emu ne desimoolo musanvu eza zaabu. Kabaka n’aziteeka mu lubiri lw’Ekibira kya Lebanooni.

17 Kabaka n’akola entebe ey’obwakabaka ennene nga ya masanga, n’agibikkako zaabu ennongoose.

18 Entebe ye ey’obwakabaka yaliko amaddaala mukaaga, n’akatebe kawumulizaako ebigere akaakolebwa mu zaabu, era yaliko n’emikono eruuyi n’eruuyi, n’ebibumbe by’empologoma ennume bbiri nga ziyimiridde ku mabbali g’emikono.

19 N’empologoma kkumi na bbiri emmumbe zaali zisimbiddwa eruuyi n’eruuyi ku madaala omukaaga. Tewaali eyakolebwa ng’eyo mu bwakabaka obulala bwonna.

20 Ebinywerwamu byonna ebya kabaka Sulemaani byali bya zaabu, n’ebintu byonna ebyali mu lubiri lw’Ekibira kya Lebanooni byali bya zaabu omulongoseemu. Tewaali kyakolebwa mu ffeeza kubanga mu biro bya Sulemaani effeeza yabanga ya muwendo gwa wansi.

21 Kabaka yalina ebyombo ebyagendanga e Talusiisi n’abasajja ba Kulamu, era buli myaka esatu byaleetanga zaabu n’effeeza, n’amasanga, n’enkoba n’enkima okuva e Talusiisi.

22 Kabaka Sulemaani yali mugagga nnyo era nga mugezi okusinga bakabaka bonna ab’ensi.

23 Bakabaka bonna baagendanga gyali okumwebuuzaako, n’okuwulira amagezi Katonda ge yali atadde mu mutima gwe.

24 Buli mwaka, buli eyajjanga, yaleetanga ekirabo, ebimu byali bintu bya ffeeza ne zaabu, n’ebirala nga byambalo, n’ebirala nga byakulwanyisa, n’ebirala nga byakaloosa, n’embalaasi, n’ennyumbu.

25 Sulemaani yalina ebisibo enkumi nnya omwaterekebwanga embalaasi n’amagaali; n’abavuzi ab’amagaali baali emitwalo ebiri be yateeka mu bibuga eby’amagaali, n’abamu ku bo nga babeera naye mu Yerusaalemi.

26 Era yafuganga bakabaka bonna okuva ku mugga Fulaati okutuuka ku nsi eya Abafirisuuti, n’okutuuka ku nsalo ya Misiri.

27 Kabaka n’afuula ffeeza okuba ekya bulijjo ng’amayinja mu Yerusaalemi era n’emivule ne giba mingi ng’emisukamooli egiri mu biwonvu.

28 Sulemaani yasuubulanga embalaasi okuva mu Misiri n’ensi endala.

### *Okufa kwa Sulemaani*

29 Ebyafaayo ebirala byonna ebyabaawo mu mulembe gwa Sulemaani okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero, tebyawandiikibwa mu byafaayo bya nnabbi Nasani, ne mu kwolesebwa kwa Akiya Omusiiro, ne mu birooto eby’omulabi Iddo ebikwata ku Yerobowaamu mutabani wa Nebati?

30 Sulemaani n’afugira Isirayiri yenna mu Yerusaalemi okumala emyaka amakumi ana.

31 N’afa era n’aziikibwa mu kibuga kya kitaawe Dawudi, Lekobowaamu mutabani we n’amusikira.

## 10

### *Isirayiri Ejeemera Lekobowaamu*

1 Lekobowaamu n’agenda e Sekemu, Abayisirayiri bonna gye baali bagenze okumufuula kabaka.

2 Yerobowaamu mutabani wa Nebati bwe yakiwulira, kubanga yali
mu Misiri gye yali addukidde mu buwaŋŋanguse, nga yeewala kabaka
Sulemaani, n'akomawo.
3 Awo ne bamutumira, Yerobowaamu ne Isirayiri yenna ne bagenda eri
Lekobowaamu ne bamugamba nti,
4 "Kitaawo yatuteekako ekikoligo ekinene, naye kaakano tukendeereze
ku lyanyi n'ekikoligo kye yatuteekako, naffe tunaakuweereza."
5 N'abaddamu nti, "Mulikomawo gye ndi mu nnaku ssatu." Abantu ne
bagenda.
6 Awo kabaka Lekobowaamu ne yeebuuza ku bakadde abaaweerezanga
kitaawe Sulemaani ng'akyali mulamu. N'ababuuza nti, "Mumpa kya
kuddamu ki eri abantu bano?"
7 Ne bamugamba nti, "Bw'onooba ow'ekisa eri abantu bano,
n'obasanyusa, n'obaddamu bulungi, banaabeeranga baddu bo ennaku
zonna."
8 Naye Lekobowaamu n'aggaya amagezi abakadde ge baali bamuwadde,
n'agenda ne yeebuuza ku bavubuka be yali akuze nabo, ate nga be
bamuweereza mu kiseera ekyo.
9 N'ababuuza nti, "Mumpa magezi ki okuddamu abantu bano
abaŋŋambye nti, 'Tukendeereze ku kikoligo kitaawo kye yatuteekako?' "
10 Abavubuka be yali akuze nabo ne bamuddamu nti, "Gamba abantu
abakugambye nti, 'Ekikoligo kitaawo kye yatuteekako kyali kizito, naye
kaakano kitukendeerezeko,' nti, 'Nasswi wange asinga ekiwato kya
kitange obunene. Kitange yababinika ekikoligo ekizito, naye nze nzija
kwongera ku kikoligo kyammwe obuzito.
11 Kitange yabakangavvulanga na nkoba naye nze nzija kubakangavvu-
langa na njaba ez'obusagwa.' "
12 Bwe waayitawo ennaku essatu Yerobowaamu n'abantu bonna
ne bagenda eri Lekobowaamu, nga kabaka bwe yali ayogedde nti,
"Mukomeewo oluvannyuma lw'ennaku ssatu."
13 Kabaka n'addamu n'ebboggo. N'agaana okuwuliriza amagezi
g'abakadde,
14 n'agoberera amagezi ag'abavubuka, n'ayogera nti, "Kitange
yababinika ekikoligo ekizito, naye nze nzija kukyongerako obuzito.
Kitange yabakangavvulanga na nkoba, naye nze nzija kubakangavvulanga
na njaba ez'obusagwa."
15 Kabaka n'atawuliriza bantu kubanga bw'atyo Katonda bwe yasiima,
okutuukiriza ekigambo MUKAMA kye yayogera ku Yerobowaamu mutabani
wa Nebati ng'ayita mu Akiya Omusiiro.
16 Awo Isirayiri yenna bwe baalaba nga kabaka agaanye okubawuliriza,
ne bamuddamu nti,

"Mugabo ki gwe tulina mu Dawudi,
era busika ki bwe tulina mu mutabani wa Yese?
Buli omu ku mmwe, addeyo mu weema ye, ayi Isirayiri!
Mmwe ennyumba ye Dawudi mwerabirire."

Awo Abayisirayiri bonna ne baddayo ewaabwe.
17 Naye abo abaabeeranga mu bibuga bya Yuda, Lekobowaamu n'asigala
ng'abafuga.
18 Kabaka Lekobowaamu n'atuma Kadolaamu eyavunaanyizibwanga
emirimu egy'ekipakasi, naye Abayisirayiri ne bamukuba amayinja ne
bamutta. Kabaka Lekobowaamu ye n'ayanguwa okulinnya eggaali lye
n'addukira e Yerusaalemi.
19 Awo Isirayiri ne bajeemera ennyumba ya Dawudi n'okutuusa leero.

# 11

1 Awo Lekobowaamu bwe yatuuka mu Yerusaalemi, n'akuŋŋaanya en-
nyumba ya Yuda n'eya Benyamini, bonna nga bawera abasajja abalwanyi
emitwalo kkumi na munaana, bagende balwanyise Isirayiri, obwakabaka
babuddize Lekobowaamu.
2 Naye ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Semaaya omusajja wa Katonda
nti,
3 "Gamba Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani kabaka wa Yuda,
n'Abayisirayiri bonna abali mu Yuda ne Benyamini nti,
4 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, 'Temulumba baganda bammwe. Buli
omu ku mmwe addeyo ewuwe, kubanga kino kivudde gye ndi.' " Awo ne
bagondera ekigambo kya MUKAMA, ne baddayo, ne batagenda kulumba
Yerobowaamu.

## *Lekobowaamu Anyweza Yuda*

5 Lekobowaamu n'abeera mu Yerusaalemi, n'azimba ebibuga
eby'okwerinda mu Yuda:
6 n'azimba Besirekemu, ne Etamu, ne Tekowa,
7 ne Besuzuli, ne Soko, ne Adulamu,
8 ne Gaasi, ne Malesa, ne Zifu,
9 ne Adorayimu, ne Lakisi, ne Azeka,
10 ne Zola, ne Ayalooni, ne Kebbulooni nga bye bibuga ebiriko bbugwe
ebyali mu Yuda ne Benyamini.
11 N'anyweza bbugwe waabyo, n'ateekayo abaduumizi, n'emmere
ey'okwerinzisa n'amafuta ag'omuzeeyituuni ne wayini.
12 N'ateekayo engabo n'amafumu mu bibuga byonna, n'abinywereza
ddala, Yuda ne Benyamini ne biba bibye.
13 Bakabona n'Abaleevi okuva mu Isirayiri yonna ne bakkiriziganya
naye.
14 Abaleevi ne bava mu butaka bwabwe ne baleka n'eby'obugagga
bwabwe ne bajja mu Yuda ne Yerusaalemi, kubanga Yerobowaamu ne
batabani be babagobaganya era ne babagaana okuweereza MUKAMA mu
bwakabaka bwabwe,
15 nga balonda bakabona abaabwe okuweerezanga ku bifo ebigulumivu,
ne bakatonda baabwe ab'ebifaananyi eby'embuzi n'ente, bye yali abum-
bye.
16 N'abo bonna abaali beewaddeyo mu mitima gyabwe okunoonya
MUKAMA Katonda wa Isirayiri ne bagenda n'Abaleevi e Yerusaalemi
okuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe.
17 Ne banyweza obwakabaka bwa Yuda, era ne bawagira Lekobowaamu
mutabani wa Sulemaani okumala emyaka esatu, nga batambulira mu
kkubo lya Dawudi ne Sulemaani.

## *Ennyumba ya Lekobowaamu*

18 Lekobowaamu n'awasa Makalasi muwala wa Yerimosi mutabani wa
Dawudi, ne Abikayiri muwala wa Eriyaabu mutabani wa Yese,
19 Makalasi n'azaalira Lekobowaamu abaana aboobulenzi: Yewusi, ne
Semaliya ne Zakamu.
20 Oluvannyuma Lekobowaamu n'awasa Maaka muwala wa
Abusaalomu, n'amuzaalira Abiya, ne Attayi, ne Ziza ne Seromisi.

21 Lekobowaamu n'ayagala nnyo Maaka muwala wa Abusaalomu okusinga bakazi be abalala. Bonna awamu n'awasa abakazi kkumi na munaana n'afunayo n'abalala nkaaga, abaamuzaalira abaana aboobulenzi amakumi abiri mu munaana n'abaana aboobuwala nkaaga.
22 Lekobowaamu n'alonda Abiya mutabani wa Maaka okuba omukulu wa baganda be, ng'agenderera okumufuula kabaka.
23 N'akola eky'amagezi, n'asaasaanya batabani be abamu mu masaza ag'enjawulo aga Yuda ne Benyamini, ne mu bibuga byonna ebyaliko bbugwe, n'abawa eby'obugagga bingi, n'abafunira n'abakazi bangi.

# 12

*Sisaki Alumba Yerusaalemi*

1 Awo Lekobowaamu bwe yanywera ku bwakabaka, n'aba mugumu, ye ne Isirayiri yonna ne bava ku mateeka ga MUKAMA.
2 Mu mwaka ogwokutaano ogw'obufuzi bwa kabaka Lekobowaamu, Sisaki kabaka w'e Misiri n'alumba Yerusaalemi kubanga tebaali beesigwa eri MUKAMA.
3 N'ajja n'amagaali lukumi mu bibiri, n'abeebagala embalaasi emitwalo mukaaga, ate n'abaserikale ab'ebigere bangi nnyo: Abalubimu, n'Abasukkiyimu, n'Abaesiyopiya okuva e Misiri.
4 N'awamba ebibuga ebiriko bbugwe ebya Yuda n'atuuka n'e Yerusaalemi.
5 Awo Semaaya nnabbi n'agenda eri Lekobowaamu n'eri abakulembeze ba Yuda abaali bakuŋŋaanidde mu Yerusaalemi olw'okutya Sisaki, n'abagamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Mwanvaako, nange kyenvudde mbawaayo mu mukono gwa Sisaki.' "
6 Awo abakulembeze ba Isirayiri, nga bali wamu ne kabaka ne beetoowaza ne boogera nti, "MUKAMA asala bulungi emisango."
7 Awo MUKAMA bwe yalaba okwetoowaza kwabwe, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Semaaya nti, "Beetoowazizza noolwekyo siribazikiriza. Ndibalokola, era n'obusungu bwange tebulifukibwa ku Yerusaalemi nga buyita mu mukono gwa Sisaki.
8 Wabula baliba baddu be, balyoke bategeere enjawulo eriwo wakati w'okumpeereza n'okuweereza bakabaka baamawanga amalala."
9 Awo Sisaki kabaka w'e Misiri n'alumba Yerusaalemi n'atwala obugagga obw'omu yeekaalu ya MUKAMA, n'obugagga obw'omu lubiri lwa kabaka, n'atwala buli kintu kyonna, era n'atwala n'engabo eza zaabu Sulemaani ze yali akoze.
10 Awo kabaka Lekobowaamu n'akola engabo ez'ekikomo okudda mu kifo kyaziri eza zaabu, n'azikwasa abaduumizi b'abambowa abaakuumanga wankaaki ow'olubiri lwa kabaka.
11 Buli kabaka bwe yalaganga mu yeekaalu ya MUKAMA, abakuumi baazeetikkanga nga bamuwerekera, n'oluvannyuma ne bazizaayo mu kisenge ky'abakuumi.
12 Lekobowaamu bwe yeetoowaza, MUKAMA n'alekeraawo okumusunguwalira n'atasaanyizibwawo ddala, ne mu Yuda ne mubaamu emirembe.
13 Kabaka Lekobowaamu ne yeenyweza mu Yerusaalemi, n'afuga nga ye kabaka. Yalina emyaka amakumi ana mu gumu we yafuukira kabaka, era n'afugira emyaka kkumi na musanvu mu Yerusaalemi, ekibuga MUKAMA kye yalonda mu bika byonna ebya Isirayiri n'ateekamu Erinnya lye. Nnyina erinnya lye ye yali Naama Omwamoni.

14 Lekobowaamu n’akola ebibi, n’atamalirira kunoonya MUKAMA mu mutima gwe.

15 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Lekobowaamu okuva ku ntandikwa ye okutuusa ku nkomerero ye, tebyawandiikibwa mu byafaayo bya Semaaya nnabbi n’ebya Iddo omulabi? Ne wabangawo entalo wakati wa Lekobowaamu ne Yerobowaamu.

16 Awo Lekobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n’aziikibwa mu kibuga kya Dawudi, Abiya mutabani we n’amusikira.

# 13

### *Abiya Kabaka wa Yuda*

1 Awo mu mwaka ogw’ekkumi n’omunaana ogw’obufuzi bwa Yerobowaamu, Abiya n’afuuka kabaka wa Yuda,

2 era n’afugira mu Yerusaalemi emyaka esatu. Erinnya lya nnyina yali Mikaaya muwala wa Uliyeri ow’e Gibea.

Ne waba olutalo wakati wa Abiya ne Yerobowaamu.

3 Abiya n’agenda mu lutalo ng’alina eggye lya basajja emitwalo amakumi ana, ate Yerobowaamu ng’alina abasajja emitwalo kinaana.

4 Awo Abiya n’ayimirira ku Lusozi Zemalayimu mu nsi ey’ensozi eya Efulayimu, n’ayogera nti, “Yerobowaamu ne Isirayiri yenna, mumpulirize!

5 Temumanyi nga MUKAMA Katonda wa Isirayiri, yagabula obwakabaka bwa Isirayiri eri Dawudi ne zadde lye emirembe gyonna olw’endagaano ey’omunnyo?

6 Naye Yerobowaamu mutabani wa Nebati, omuddu wa Sulemaani mutabani wa Dawudi, n’amugolokokerako n’amujeemera.

7 Era waaliwo abasajja abalalulalu abamu abeegatta ku Yerobowaamu ne bajeemera Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani bwe yali omuto, nga talina kyayinza kusalawo, nga n’amaanyi ag’okubaziyiza tagalina.

8 “Kaakano mulowooza nti muyinza okwaŋŋanga obwakabaka bwa MUKAMA obuli mu mikono gy’abazzukulu ba Dawudi, kubanga muli ekibiina kinene, abalina n’ennyana eza zaabu Yerobowaamu ze yabakolera okuba bakatonda bammwe abalala?

9 Mwagoba bakabona ba MUKAMA, batabani ba Alooni, n’Abaleevi, ne mussaawo bakabona abammwe ng’amawanga ag’omu nsi endala bwe gakola. Buli aleeta ente ennume ento n’endiga ennume musanvu ayinza okwewaayo okufuuka kabona wa bakatonda abalala.

10 “Naye ffe, MUKAMA ye Katonda waffe, era tetumuvangako. Bakabona abaweereza MUKAMA, batabani ba Alooni, era bayambibwako Abaleevi.

11 Buli nkya na buli kawungeezi bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa n’obubaane obwa kawoowo eri MUKAMA, ne bategeka n’emigaati egy’okulaga ku mmeeza eya zaabu omwereere, ne bakoleeza n’ettaala eziri ku bikondo ebya zaabu buli kawungeezi. Tugondera MUKAMA Katonda waffe nga tukola bye yatukuutira, naye mmwe mwamuvaako.

12 Laba, Katonda ali naffe, era ye mukulembeze waffe, era ne bakabona be banaafuuwa amakondeere mu maloboozi ag’olutalo, okuggulawo okulwana nammwe. Abasajja Abayisirayiri temulwanyisa MUKAMA, Katonda wa bajjajjammwe, temujja kuwangula.”

13 Naye mu kiseera kye kimu Yerobowaamu yali asindise abaserikale be okutaayiza emabega ne mu maaso ga Yuda.

14 Laba Yuda bwe baakyuka ne balaba nga balumbiddwa okuva mu maaso n'emabega, ne bakaabira MUKAMA, ne bakabona ne bafuuwa amakondeere.
15 Awo abasajja ba Yuda olwa wowogganira waggulu n'eddoboozi ery'olutalo, Katonda n'awangula Yerobowaamu ne Isirayiri yenna mu maaso ga Abiya ne Yuda.
16 Abayisirayiri ne badduka okuva mu maaso ga Yuda, naye MUKAMA n'abawaayo mu mukono gwa Yuda.
17 Abiya n'abasajja be ne batta bangi nnyo ku Bayisirayiri, ne waba emitwalo amakumi ataano ku abo abaafa.
18 Mu kiseera ekyo abasajja Abayisirayiri ne bawangulwa; abasajja ba Yuda ne baba bawanguzi kubanga beesiga MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe.
19 Abiya n'agoba Yerobowaamu, n'amutwalako Beseri, ne Yesana, ne Efulooni wamu n'ebyalo ebiriraanye ebibuga ebyo.
20 Yerobowaamu n'ataddamu nate kuba na buyinza mu mirembe gya Abiya, MUKAMA n'alwaza Yerobowaamu n'afa.
21 Awo Abiya n'aba w'amaanyi n'awasa abakazi kkumi na bana, n'abeera n'abaana aboobulenzi amakumi abiri mu babiri n'abaana aboobuwala kkumi na mukaaga.
22 Ebyafaayo ebirala ebyomumirembe gya Abiya, ne bye yakola ne bye yayogera, byawandiikibwa mu ngero za nnabbi Iddo.

# 14

1 Abiya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi. Asa mutabani we n'amusikira, era ku mulembe gwe ensi n'eba n'emirembe okumala emyaka kkumi.

*Asa kabaka wa Yuda*

2 Asa n'akola ebyali ebirungi nga bituufu mu maaso ga MUKAMA Katonda we.
3 N'aggyawo ebyoto eby'abannamawanga n'ebifo ebigulumivu, era n'amenyaamenya empagi, n'ebifaananyi bya Asera n'abitemaatema.
4 N'alagira Yuda okunoonya MUKAMA Katonda wa bajjajjaabe, era n'okukuuma amateeka ge n'ebiragiro bye.
5 Era n'aggyawo ebifo ebigulumivu n'ebyoto eby'obubaane mu bibuga byonna ebya Yuda, n'obwakabaka ne buba n'emirembe mu bufuzi bwe.
6 N'azimba ebibuga ebiriko bbugwe mu Yuda, era ne wataba n'omu eyayaŋŋanga okulwana naye, kubanga MUKAMA yamuwa okuwummula ku njuyi zonna.
7 N'agamba Yuda nti, "Tuzimbe ebibuga bino, tubiteekeko bbugwe, ne wankaaki n'emitayimbwa. Ensi ekyali yaffe, kubanga tunoonyezza MUKAMA Katonda waffe; tumunoonyezza, n'atuwa emirembe ku buli luuyi." Ne bazimba era ne bagaggawala.
8 Asa yalina eggye nga lya basajja emitwalo amakumi asatu okuva mu Yuda, nga balina engabo ennene n'amafumu, n'abalala emitwalo amakumi abiri mu munaana abaava mu Benyamini nga balina engabo entono n'obusaale, era bonna nga basajja bazira.
9 Olunaku lumu, Zeera Omwesiyopya n'abalumba ng'alina eggye lya basajja akakadde kamu, n'amagaali ebikumi bisatu, n'atuuka n'e Malesa.
10 Asa n'agenda okumutabaala, buli omu ku bo n'asimba ennyiriri ez'entalo mu kiwonvu Zefasa e Malesa.

11 Awo Asa n'akoowoola MUKAMA Katonda we ng'agamba nti, "MUKAMA,
tewali akwenkana mu kuyamba abanafu, nga balumbiddwa ab'amaanyi.
Tuyambe Ayi MUKAMA Katonda waffe, kubanga twesize ggwe, era mu
linnya lyo tuzze okutabaala eggye lino eddene. Ayi MUKAMA, oli Katonda
waffe, toganya muntu yenna okutuwangula."
12 Awo MUKAMA n'akubira Abaesiyopiya mu maaso ga Asa ne mu maaso
ga Yuda, Abaesiyopiya ne badduka.
13 Asa n'eggye lye ne babagoba okutuuka e Gerali, era bangi ku
Baesiyopya ne bagwa, ne wataba n'omu ku bo alama, kubanga eggye lya
MUKAMA lyabazikiriza. Abasajja aba Yuda ne beetikka omunyago mungi.
14 Ne bazikiriza ebibuga byonna ebyali byetoolodde Gerali, kubanga
entiisa ya MUKAMA yabagwira. Ne banyaga ebyalo byonna, kubanga
byalimu omunyago mungi.
15 Ne balumba n'ebibinja by'abalaalo, ne batwala ente, n'endiga,
n'embuzi, n'eŋŋamira nnyingi nnyo, ne balyoka baddayo e Yerusaalemi.

# 15

1 Awo Omwoyo wa Katonda n'akka ku Azaliya mutabani wa Obedi,
2 n'agenda n'asisinkana Asa n'amugamba nti, "Mumpulirize, mmwe
Asa, ne Yuda ne Benyamini mwenna, MUKAMA ali nammwe bwe muba
mu ye. Bwe munaamunoonyanga, munaamulabanga, naye bwe munaa-
mulekuliranga naye anaabalekuliranga.
3 Isirayiri yamala ebbanga ddene nga tegondera Katonda ow'amazima,
nga tebalina kabona abayigiriza, wadde okuba n'amateeka.
4 Naye wakati mu nnaku yaabwe ne bakyukira MUKAMA Katonda wa
Isirayiri, ne bamunoonya, era ne bamulaba.
5 Mu biro ebyo tewaali mirembe abantu okutambula nga bwe baaya-
galanga, kubanga baali mu kweraliikirira kungi nnyo.
6 Amawanga n'amawanga gaalwanagananga, n'ebibuga ne birumba-
gananga kubanga Katonda yabaleetako ebizibu bingi nnyo.
7 Naye mmwe mugume omwoyo! Temuganya mikono gyammwe
kunafuwa kubanga omulimu gwammwe guliko empeera."
8 Awo Asa bwe yawulira ebigambo ebyo, n'ebyobunnabbi bwa Azaliya
mutabani wa Obedi, n'aguma omwoyo, n'aggyawo ebifaananyi ebyole
okuva mu nsi yonna eya Yuda ne Benyamini, n'okuva mu bibuga bye
yali awambye mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu. N'addaabiriza ekyoto kya
MUKAMA ekyali mu maaso g'ekisasi ekya yeekaalu ya MUKAMA.
9 N'akuŋŋaanya aba Yuda n'aba Benyamini bonna, n'abantu b'e
Efulayimu, n'e Manase, n'e Simyoni abaabeeranga nabo, kubanga bangi
basenga gyali okuva mu Isirayiri bwe baalaba nga MUKAMA Katonda ali
wamu naye.
10 Ne bakuŋŋaanira e Yerusaalemi mu mwezi ogwokusatu mu mwaka
ogw'ekkumi n'ettaano ogw'obufuzi bwa Asa.
11 Ku lunaku olwo ne bawaayo eri MUKAMA ebimu ku by'omunyago: ente
lusanvu, n'endiga n'embuzi zonna kasanvu.
12 Ne beeyama okunoonyanga MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe,
n'omutima gwabwe gwonna, n'emmeeme yaabwe yonna.
13 Era abo bonna abatanoonyanga MUKAMA, Katonda wa Isirayiri
battibwanga, oba bato oba bakulu, oba bakazi oba basajja.
14 Ne balayirira MUKAMA mu ddoboozi ery'omwanguka, wamu
n'okufuuwa amakondeere n'eŋŋombe.

15 Yuda yonna ne basanyukira ekirayiro ekyo, kubanga baali bal-
ayidde n'omutima gwabwe gwonna, era nga bamunoonyezza n'okwagala
kwabwe kwonna, ne bamulaba. Era MUKAMA n'abawa emirembe enjuuyi
zonna.
16 Kabaka Asa n'agoba jjajjaawe Maaka ku bwannamasole kubanga
yali akoze ekifaananyi ekyole ekya Asera. Asa n'akitemaatema
n'akimenyaamenya, n'akyokera mu kagga Kidulooni.
17 Newaakubadde nga teyaggyawo bifo ebigulumivu mu Isirayiri, Asa
yamalirira mu mutima gwe okunywerera ku MUKAMA ennaku ze zonna.
18 Mu yeekaalu ya MUKAMA n'aleetamu effeeza ne zaabu, n'ebintu ye ne
kitaawe bye baawonga.
19 Ne wataba ntalo nate okumala emyaka amakumi asatu mu etaano
egy'obufuzi bwa Asa.

# 16

*Emyaka gya Asa egyasembayo*

1 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu omukaaga ogw'obufuzi bwa Asa,
Baasa kabaka wa Isirayiri n'alumba Yuda, n'azimba ebigo ku Laama
okuziyiza omuntu yenna okuyingira wadde okufuluma mu nsalo ya Asa
kabaka wa Yuda.
2 Awo Asa n'addira ffeeza ne zaabu ebyali mu mawanika ga yeekaalu ya
MUKAMA, n'ebyali mu lubiri lwa kabaka, n'abiweereza Benikadadi kabaka
w'e Busuuli, eyabeeranga e Ddamasiko, n'aweereza n'obubaka nti,
3 "Wabeerewo endagaano wakati wo nange, ng'eri eyaliwo wakati wa
kitange ne kitaawo. Laba, nkuweerezza ffeeza ne zaabu omenyewo
endagaano yo wakati wo ne Baasa kabaka wa Isirayiri, anveeko."
4 Benikadadi n'akkiriziganya ne kabaka Asa, era n'aweereza abadu-
umizi b'eggye lye okulumba ebibuga bya Isirayiri; ne bawamba Yiyoni,
ne Ddaani ne Aberumayimu, n'ebibuga byonna eby'amaterekero ebya
Nafutaali.
5 Awo Baasa bwe yawulira ekyo, n'alekeraawo okuzimba mu Laama,
n'omulimu n'agukomya.
6 Kabaka Asa n'aleeta Yuda yenna e Laama, ne baggyayo amayinja
n'embaawo Baasa bye yali azimbisa, Asa n'abikozesa okuzimba Geba ne
Mizupa.
7 Mu biro ebyo Kanani omulabi n'ajja eri Asa kabaka wa Yuda,
n'amugamba nti, "Olw'okwesiga kabaka w'e Busuuli mu kifo ky'okwesiga
MUKAMA Katonda wo, eggye lya kabaka w'e Bwasuli kyelivudde likud-
dukako.
8 Abaesiyopiya n'Abalubimu tebaali ggye ddene nga balina amagaali
mangi n'abeebagala embalaasi bangi? Naye, olwokubanga weesiga
MUKAMA, kyeyava abagabula mu mukono gwo.
9 Kubanga amaaso ga MUKAMA galaba wonna mu nsi, nga ganyweza
emitima gy'abo abamwesigira ddala. Ky'okoze kya busirusiru, era okuva
ne leero ojja kubeeranga n'entalo."
10 Awo Asa n'anyiigira nnyo omulabi, n'amuteeka ne mu kkomera. Mu
kiseera kye kimu Asa n'ayisa bubi nnyo abantu abamu.
11 Ebyafaayo eby'obufuzi bwa Asa okuva ku ntandikwa okutuusa ku
nkomerero, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne
Isirayiri.
12 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogw'obufuzi bwe,
Asa n'alwala ebigere. Newaakubadde ng'obulwadde bweyongera,

teyanoonyanga buyambi okuva eri MUKAMA, yabunoonyanga mu basawo
bokka.
13 Awo mu mwaka ogw'amakumi ana mu ogumu ogw'obufuzi bwe, Asa
ne yeebakira awamu ne bajjajjaabe.
14 N'aziikibwa mu ntaana gye yali yeezimbidde mu kibuga kya Dawudi.
Ne bamuteeka ku kitanda ekyaliko obuloosa obwenjawulo n'obuwoowo
obwa buli kika, ne bamukumira n'ekyoto ky'omuliro kinene nnyo
okujjukira bye yakola.

# 17

### *Yekosafaati Kabaka wa Yuda*

1 Yekosafaati mutabani wa Asa n'asikira Asa bw'atyo n'afuuka kabaka,
n'okwenyweza ne yeenyweza eri Isirayiri.
2 N'ateeka abaserikale mu bibuga ebiriko bbugwe ebya Yuda, n'ateeka
n'eggye mu Yuda, ne mu bibuga ebya Efulayimu, kitaawe Asa bye yali
awambye.
3 MUKAMA n'abeera wamu ne Yekosafaati kubanga mu buto bwe
yatambuliranga mu makubo ga jjajjaawe Dawudi ge yatambulirangamu.
Teyeebuuza ku Babaali,
4 naye yanoonya Katonda wa kitaawe, era n'agoberera amateeka ge
okusinga engeri za Isirayiri.
5 MUKAMA n'anyweza obwakabaka mu mukono gwe, era Yuda yenna ne
baleetera Yekosafaati ebirabo, n'aba n'obugagga bungi n'ekitiibwa kinene.
6 Omutima gwe ne gunywerera mu kkubo lya MUKAMA, n'okuggyawo
n'aggyawo ebifo ebigulumivu n'ebifaananyi bya Baasera mu Yuda.
7 Mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwe, n'atuma abakungu be bano:
Benikayiri, ne Obadiya, ne Zekkaliya, ne Nesaneeri, ne Mikaaya okugenda
nga bayigiriza mu bibuga bya Yuda.
8 Ne wabaawo n'Abaleevi abagenda nabo: Semaaya, ne Nesaniya, ne
Zebadiya, ne Asakeri, ne Semiramoosi, ne Yekonasaani, ne Adoniya, ne
Tobbiya, ne Tobadoniya, wamu ne Erisaama ne Yekolaamu.
9 Ne bayigiriza mu Yuda yonna, nga bakozesa Ekitabo ekya Mateeka ga
MUKAMA; ne babuna mu bibuga byonna ebya Yuda ne bayigiriza abantu.
10 Awo entiisa ya MUKAMA n'egwa ku bwakabaka obw'amawanga agaali
geetoolodde Yuda, ne batakola ntalo na Yekosafaati.
11 Abamu ku Bafirisuuti ne baleetera Yekosafaati ebirabo, ne ffeeza
ng'omusolo, ate Abawalabu ne bamuleetera ebisibo eby'endiga ennume
kasanvu mu lusanvu, n'embuzi kasanvu mu lusanvu.
12 Yekosafaati ne yeeyongeranga amaanyi, n'azimba ebigo n'ebibuga
eby'amaterekero mu Yuda,
13 n'abeera n'ebyamaguzi bingi ddala mu bibuga bya Yuda. Yalina
n'abaserikale abatendeke mu Yerusaalemi nga bazira.
14 Okubalibwa ng'enju za bakitaabwe bwe zaali kwali bwe kuti:

Okuva mu Yuda, abaduumizi ab'ebibinja eby'olukumi (1,000) baali:
Aduna omuduumizi ow'abasajja abalwanyi emitwalo amakumi asatu (300,000),
15 n'eyamuddiriranga yali Yekokanani omuduumizi ow'abasajja emit-
walo amakumi abiri mu munaana (280,000);

16 n'eyamuddiriranga yali Amasiya mutabani wa Zikuli, eyeewaayo obwebange okuweerezanga MUKAMA, omuduumizi ow'abasajja emitwalo amakumi abiri (200,000).
17 Okuva mu Benyamini:
Eriyada, omuserikale omuzira, eyaduumiranga abasajja ab'obusaale n'engabo emitwalo amakumi abiri (200,000),
18 n'eyamuddiriranga ye yali Yekozabadi eyaduumiranga abasajja emitwalo kkumi na munaana abaali beeteeseteese okulwana (180,000).

19 Abo be basajja abaaweerezanga kabaka, obutassaako abo abaali mu bibuga ebyaliko bbugwe n'ebigo okubuna Yuda yonna.

# 18

## *Mikaaya Ayogera Ebyobunnabbi Akabu*

1 Yekosafaati yali mugagga nnyo era nga wa kitiibwa kinene nnyo, ate nga mukoddomi wa Akabu.
2 Bwe waayitawo emyaka, n'aserengeta okugenda okulaba ku Akabu e Samaliya. Akabu n'amuteekerateekera ekijjulo eky'amaanyi n'amuttira endiga nnyingi n'ente nnyingi, ye n'abantu be yagenda nabo, era n'amusendasenda okulumba Lamosugireyaadi.
3 Akabu kabaka wa Isirayiri n'abuuza Yekosafaati kabaka wa Yuda nti, "Onoogenda nange okulumba Lamosugireyaadi?" Yekosafaati n'addamu nti, "Ky'oli kye ndi, era n'abantu bo be bantu bange, tujja kukwegattako mu lutalo."
4 Naye Yekosafaati n'alabula kabaka wa Isirayiri nti, "Sooka weebuuze ku MUKAMA."
5 Awo kabaka wa Isirayiri n'akuŋŋaanya bannabbi bonna awamu; baali abasajja ebikumi bina, n'ababuuza nti, "Tugende tulumbe Lamosugireyaadi nantiki tulekeyo?" Ne bamuddamu nti, "Tugende, kubanga MUKAMA anaakigabula mu mukono gwa kabaka."
6 Naye Yekosafaati n'abuuza nti, "Tewaliwo wano nnabbi wa MUKAMA gwe tuyinza okwebuuzaako?"
7 Awo kabaka wa Isirayiri n'addamu Yekosafaati nti, "Waliyo omusajja omulala gwe tuyinza okwebuuzaako ku MUKAMA, ye Mikaaya mutabani wa Imula, naye namukyawa kubanga tandagulako birungi, wabula ebibi ebyereere." Yekosafaati n'ayogera nti, "Kabaka teyandiyogedde bw'atyo."
8 Kabaka wa Isirayiri n'alyoka alagira omu ku bakungu be nti, "Kima Mikaaya mutabani wa Imula ku bwangu."
9 Awo kabaka wa Isirayiri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne batuula ku ntebe zaabwe ez'obwakabaka mu gguuliro ku mulyango gwa wankaaki w'e Samaliya, nga bambadde ebyambalo byabwe, nga ne bannabbi bonna balagulira mu maaso gaabwe.
10 Zeddekiya mutabani wa Kenaana yali yeeweesereza amayembe ag'ekyuma, n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Abasuuli balitomerwa na gano okutuusa lwe balimalibwawo.' "
11 Era ne bannabbi abalala bonna baalagulanga kye kimu nti, "Yambuka olumbe Lamosugireyaadi onoowangula kubanga MUKAMA anaakiwaayo mu mukono gwa kabaka."
12 Awo omubaka eyali agenze okuyita Mikaaya, n'amugamba nti, "Laba, ebigambo ebya bannabbi bali abalala byogera kyekimu, kale naawe ba bumu nabo."

13 Naye Mikaaya n'ayogera nti, "Nga MUKAMA bw'ali omulamu Katonda
ky'anaŋŋamba ekyo kye nnaayogera."
14 Awo bwe yatuuka ewa kabaka, kabaka n'amubuuza nti, "Mikaaya
tulumbe Lamosugireyaadi, oba tulekeyo?" N'amuddamu nti, "Mugende
mukirumbe, munaakiwangula, kubanga banaaweebwayo mu mukono
gwo."
15 Naye kabaka n'amugamba nti, "Nnaakulayizanga emirundi emeka,
obutannimbanga wabula okuntegeezanga amazima mu linnya lya
MUKAMA?"
16 Awo Mikaaya n'addamu nti, "Nalaba Isirayiri yenna, nga basaasaanye
ku nsozi ng'endiga ezitalina musumba, MUKAMA n'ayogera nti, 'Abantu
bano tebalina abakulembera, buli omu addeyo ewaabwe mirembe.' "
17 Kabaka wa Isirayiri n'agamba Yekosafaati nti, "Sakugambye nti talina
kirungi ky'andagulako, okuggyako ebibi?"
18 Mikaaya n'ayongerako na bino nti, "Noolwekyo muwulire ekigambo
kya MUKAMA: Nalaba MUKAMA ng'atudde ku ntebe ye ey'obwakabaka
n'eggye lyonna ery'omu ggulu nga liyimiridde okumwetooloola ku
mukono gwe ogwa kkono.
19 Awo MUKAMA n'abuuza nti, 'Ani anasendasenda Akabu kabaka wa
Isirayiri okulumba Lamosugireyaadi n'oluvannyuma afiire eyo?'
"Omu ku bo n'ateesa kino, n'omulala kiri.
20 Ku nkomerero, omwoyo ogumu ne gusembera, ne guyimirira mu
maaso ga MUKAMA ne gwogera nti, 'Nze nzija kumusendasenda.'
"MUKAMA n'agubuuza nti, 'Ekyo onookikola otya?'
21 "Ne guddamu nti, 'Nzija kugenda, mbeere omwoyo omulimba mu
kamwa ka buli nnabbi we.'
"MUKAMA n'agugamba nti, 'Ggwe onoosobola okumusendasenda, era
genda okole bw'otyo.'
22 "Kale nno MUKAMA atadde omwoyo ogw'obulimba mu kamwa ka
bannabbi bo, era MUKAMA akwogeddeko kabi keereere."
23 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana n'asembera okumpi ne
Mikaaya we yali n'amukuba oluyi mu maaso, n'amubuuza nti, "Omwoyo
wa MUKAMA yampiseeko wa okwogera naawe?"
24 Mikaaya n'amuddamu nti, "Laba, ekyo olikimanya ku lunaku
lw'oligenda okwekweka mu kisenge eky'omunda."
25 Awo kabaka wa Isirayiri n'alagira nti, "Mukwate Mikaaya mu-
muzzeeyo ewa Amoni ew'omukulu w'ekibuga n'ewa Yowaasi omulangira,
26 mwogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera kabaka nti, Omuntu ono mumu-
teeke mu kkomera, temumuwa kintu kyonna wabula omugaati omutono
n'amazzi amatono, okutuusa lwe ndikomawo mirembe.' "
27 Awo Mikaaya n'alangirira nti, "Bw'olikomawo mirembe, MUKAMA nga
tayogeredde mu nze," ate n'ayongerako na kino nti, "Mmwe mwenna,
mwekuume ebigambo byange."

### *Akabu Afiira e Lamosugireyaadi*

28 Awo kabaka wa Isirayiri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne bambuka
e Lamosugireyaadi.
29 Kabaka wa Isirayiri n'agamba Yekosafaati nti, "Nze nzija kugenda mu
lutalo nga nneefudde ng'omuntu omulala, naye ggwe yambala ebyambalo
byo." Awo kabaka wa Isirayiri ne yeefuula ng'omuntu omulala, ne
bagenda mu lutalo.

30 Naye kabaka w'e Busuuli yali alagidde abaduumizi ab'amagaali ge nti,
"Temulwanagananga na muntu yenna, oba wa kitiibwa oba si wa kitiibwa,
okuggyako kabaka wa Isirayiri."
31 Awo abaduumizi ab'amagaali bwe balaba Yekosafaati, ne boogera
nti, "Oyo ye kabaka wa Isirayiri." Ne bakyuka ne bamulumba,
naye Yekosafaati n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka, MUKAMA
n'amubeera, era Katonda n'abaziyiza, n'okubaggyawo n'abaggyawo.
32 Abaduumizi ab'amagaali bwe baakizuula nti si ye kabaka wa Isirayiri,
ne balekeraawo okumugoba.
33 Naye omu ku basajja n'amala ganaanuula omutego gwe, n'alasa
kabaka wa Isirayiri mu kifo ekimu ebyambalo bye eby'olutalo we
byegattira. Kabaka n'agamba omugoba w'eggaali lye nti, "Kyusa onzigye
mu lutalo kubanga nfumitiddwa."
34 Olutalo ne lukanya olunaku lwonna, kyokka kabaka wa Isirayiri
ne yeewaliriza okusigala mu gaali lye ng'atunuulidde Abasuuli okutuusa
akawungeezi, era enjuba bwe yali ng'egwa n'afa.

# 19

1 Awo Yekosafaati kabaka wa Yuda n'akomawo mirembe mu lubiri lwe
mu Yerusaalemi.
2 Yeeku, Omulabi, mutabani wa Kanani n'agenda okumusisinkana,
n'agamba Yekosafaati nti, "Kituufu ggwe okuyamba ababi, ate
n'okukolagana n'abo abakyawa MUKAMA? Olw'ekikolwa ekyo, obusungu
bwa MUKAMA kyebuvudde bukubuubukirako.
3 Kyokka mu ggwe mulimu ebirungi, kubanga wazikiriza Baaserosi
n'obaggya mu nsi, n'omalirira mu mutima gwo okunoonya Katonda."

### *Yekosafaati Alonda Abalamuzi*

4 Awo Yekosafaati n'abeeranga mu Yerusaalemi, n'addayo eri abantu
okuva e Beeruseba okutuuka mu Efulayimu mu nsi ey'ensozi, bonna
n'abakomyawo eri MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe.
5 N'alonda abalamuzi mu nsi, ne mu buli kibuga kya Yuda ekiriko
Bbugwe.
6 N'abategeeza nti, "Mufumiitirize nnyo ku bye mukola, kubanga
temulamula ku bw'abantu wabula ku bwa MUKAMA, abeera nammwe buli
bwe musala omusango.
7 Noolwekyo entiisa ya MUKAMA ebeere mu mmwe, musale omusango
nga mugwekanyizza bulungi, kubanga MUKAMA Katonda waffe takki-
riziganya na butali butuukirivu, era tewali kusosola mu bantu wadde
okulya enguzi."
8 Ate ne mu Yerusaalemi Yekosafaati yalonda abamu ku Baleevi, ne
bakabona, n'emitwe gy'ennyumba za Isirayiri okulamulanga ku bwa
MUKAMA, n'okusalangawo ensonga enzibu.
9 N'abakuutira ng'agamba nti, "Mukole nga mutya MUKAMA,
n'obwesigwa era n'omutima gumu.
10 Bwe wanaabangawo ensonga evudde eri baganda bammwe okuva
mu bibuga byabwe, ng'ekwata ku kuyiwa omusaayi, oba ku nsonga endala
yonna ekwata ku kiragiro, ku mateeka oba ku biragiro, munaabalabulanga
obutayonoona MUKAMA, obusungu bwe muleme okubatuukako mmwe ne
baganda bammwe. Bwe mutyo bwe munaakolanga muleme okubaako
omusango.

11 “Era Amaliya kabona asinga obukulu y’anaababeerangako n’obuvunaanyizibwa mu nsonga zonna eza MUKAMA, ate Zebadiya mutabani wa Isimayiri omukulu ow’ekika kya Yuda ye n’avunaanyizibwanga mu nsonga zonna eza kabaka, era n’Abaleevi banaaweerezanga ng’abaami mu maaso gammwe. Mube n’obuvumu, era MUKAMA abeere n’abo abakola obutuukirivu.”

# 20

### *Yekosafaati Awangula Abamowaabu n’Abamoni*

1 Bwe wayitawo ebbanga, Abamowaabu n’Abamoni nga bali wamu n’abamu ku Bamoni ne balumba Yekosafaati okumulwanyisa.

2 Abasajja abamu ne bagenda ne bategeeza Yekosafaati nti, “Eggye ddene eriva e Busuuli okuva emitala w’Ennyanja ey’Omunnyo, likulumbye, era lituuse mu Kazazonutamali, ye Engedi,”

3 Yekosafaati n’atya nnyo n’amalirira okwebuuza ku MUKAMA, era n’alangirira okusiiba mu Yuda yonna.

4 Yuda yonna n’ekuŋŋaana okunoonya okubeerwa okuva eri MUKAMA okuva mu bibuga byonna ebya Yuda.

5 Awo Yekosafaati n’ayimirira mu maaso g’ekkuŋŋaaniro lya Yuda ne Yerusaalemi, mu yeekaalu ya MUKAMA mu maaso g’oluggya olupya,

6 n’ayogera nti,

“Ayi MUKAMA, Katonda wa bajjajjaffe, si ggwe Katonda ow’omu ggulu? Si ggwe ofuga obwakabaka bwonna mu nsi? Obuyinza n’amaanyi biri mu mukono gwo, n’okubaawo ne watabaawo n’omu ayinza okuyimirira mu maaso go.

7 Ayi Katonda waffe, si ggwe wagobamu abatuuze abaali mu nsi eno mu maaso g’abantu bo Isirayiri, n’ogiwa ezzadde lya Ibulayimu mukwano gwo okugibeerangamu emirembe gyonna?

8 Era bagibaddemu ne bazimbamu ekifo ow’okusinziza erinnya lyo, nga boogera nti,

9 ‘Bwe tulituukibwako akabi konna, oba ekitala eky’okusala omusango, oba lumbe, oba njala, tunaayimiriranga mu maaso go, ne mu maaso ga yeekaalu eno okuli erinnya lyo, ne tukukaabiriranga mu kulumwa kwaffe n’otuwulira era n’otulokola.’

10 “Naye kaakano laba, abasajja ba Amoni ne Mowaabu n’ab’oku Lusozi Seyiri, ab’omu kibangirizi kye wagaana Isirayiri okulumba bwe baava mu nsi y’e Misiri, era babeewala ne batagenda kubazikiriza,

11 laba bwe baagala okutusasula nga batugobaganya mu kifo kye watuwa ng’omugabo gwaffe.

12 Ayi Katonda waffe, toobasalire musango? Kubanga tetulina maanyi ga kulwana na ggye lino eddene eritulumbye. Tetumanyi kya kukola, wabula amaaso gaffe gatunuulidde ggwe.”

13 Abasajja bonna aba Yuda, wamu ne bakyala baabwe, n’abaana baabwe, n’abaana abasemberayo ddala obuto, ne bayimirira mu maaso ga MUKAMA.

14 Awo Omwoyo wa MUKAMA n’akka ku Yakaziyeeri mutabani wa Zekkaliya, muzzukulu wa Benaya muzzukulu wa Yeyeri, muzzukulu wa Mattaniya, Omuleevi ow’ezzadde lya Asafu ng’ayimiridde wakati mu lukuŋŋaana.

15 N’ayogera nti, “Kabaka Yekosafaati, ne Yuda yenna, n’abatuuze ba Yerusaalemi, kino MUKAMA ky’abagamba nti, ‘Temutya era temuggwaamu

mwoyo olw'eggye eryo eddene, kubanga olutalo si lwammwe, naye lwa Katonda.
16 Enkya muserengete mubasisinkane; laba bajja kwambukira awalinnyirwa e Zizi, era munaabasisinkana ekiwonvu we kikoma mu ddungu lya Yerweri.
17 Tekijja kubeetagisa kulwana lutalo luno. Mubeere mu bifo byammwe, mube bagumu mulabe obuwanguzi MUKAMA bw'anaabawa mmwe Yuda ne Yerusaalemi. Temutya wadde okuggwaamu omwoyo; enkya mugende mubasisinkane, MUKAMA anaabeera nammwe.' "
18 Awo Yekosafaati n'avuunama amaaso ge ku ttaka, era ne Yuda yenna n'abatuuze bonna ab'e Yerusaalemi ne bavuunama wansi mu maaso ga MUKAMA ne bamusinza.
19 Abamu ku Baleevi, Abakokasi n'abalala nga Bakoola ne bayimirira okutendereza MUKAMA, Katonda wa Isirayiri, n'eddoboozi ery'omwanguka.
20 Ne bakeera mu makya ne bagenda mu ddungu lya Tekowa. Bwe
baali nga bagenda Yekosafaati n'ayimirira n'abagamba nti, "Mumpulirize, Yuda n'abantu ab'e Yerusaalemi! Mube n'okukkiriza mu MUKAMA Katonda wammwe munaanywezebwa; mukkirize bannabbi be, munaalaba omukisa."
21 Awo bwe yamala okwebuuza ku bantu, n'alonda abasajja ab'okuyimbira MUKAMA, n'okumutendereza olw'ekitiibwa ky'obutuukirivu bwe, abakulemberamu eggye, nga boogera nti,
"Mwebaze MUKAMA
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna."
22 Awo bwe batandika okuyimba n'okutendereza, MUKAMA n'ataayiza abasajja ba Amoni, n'aba Mowaabu, n'ab'oku Lusozi Seyiri, abaali balumbye Yuda, ne bawangulwa.
23 Abasajja ba Amoni n'aba Mowaabu ne bagolokokera ku basajja ab'oku Lusozi Seyiri ne babazikiriza, era bwe baamala okubazikiriza, ne bakyukiragana ne battiŋŋana.
24 Awo abasajja aba Yuda bwe baatuuka ku munaala ogw'eddungu, ne batunuulira eggye eddene, laba nga bonna mirambo egigudde, nga tewaliwo n'omu eyawonyeewo.
25 Yekosafaati n'abantu be bwe bajja okutwala omunyago, basangawo ebintu bingi n'engoye nnyingi, n'eby'obugagga bingi, okusinga n'ebyo bye baali basobola okwetikka. Baamala ennaku ssatu nga babisomba, olw'obungi bwabyo.
26 Ku lunaku olwokuna ne bakuŋŋaanira mu kiwonvu ekya Beraka, okutendereza MUKAMA, kyekyava kituumibwa Ekiwonvu kya Beraka, ne leero.
27 Oluvannyuma, buli musajja wa Yuda n'owa Yerusaalemi, nga bakulemberwamu Yekosafaati, ne baddayo e Yerusaalemi nga basanyuse, kubanga MUKAMA yali abawadde essanyu olw'okuwangula abalabe baabwe.
28 Ne bayingira Yerusaalemi, ne bagenda mu yeekaalu ya MUKAMA nga bakutte entongooli, n'ennanga, n'amakondeere.
29 Entiisa ya MUKAMA n'ejja ku bwakabaka bwonna obw'omu mawanga, bwe baawulira nga MUKAMA yalwana n'abalabe ba Isirayiri*.
30 Era obwakabaka bwa Yekosafaati ne buba n'emirembe, kubanga Katonda we yamuwa emirembe enjuuyi zonna.

* **20:29** Isirayiri, ssoma Yuda, kubanga Yekosafaati yafuganga Yuda

### *Enkomerero ey'Obufuzi bwa Yekosafaati*

31 Yekosafaati n'afuga Yuda. Yalina emyaka amakumi asatu mu etaano
we yafuukira kabaka wa Yuda, era n'afugira emyaka amakumi abiri mu
etaano mu Yerusaalemi, ne nnyina erinnya lye nga ye Azuba muwala wa
Siruki.
32 N'atambulira mu kkubo lya Asa kitaawe, n'atalivaamu, era n'akola
ebyali ebirungi mu maaso ga MUKAMA.
33 Naye ebifo ebigulumivu teyabiggyaawo, so n'abantu ne bataweerayo
ddala mitima gyabwe eri Katonda wa bajjajjaabwe.
34 Ebyafaayo ebirala ebyaliwo mu mulembe gwa Yekosafaati, okuva ku
ntandikwa ye okutuusa ku nkomerero ye, byawandiikibwa mu bitabo bya
Yeeku mutabani wa Kanani, era biri ne mu kitabo ekya bassekabaka ba
Isirayiri.
35 Bwe waayitawo ebbanga, Yekosafaati kabaka wa Yuda n'akola
endagaano ne Akaziya kabaka wa Isirayiri, omukozi w'ebibi.
36 N'ateesa naye okuzimba ebyombo ebyamaguzi biseeyeeyenga oku-
genda e Talusiisi, era ne babizimbira mu Eziyonigeba.
37 Mu kiseera ekyo Eryeza mutabani wa Dodavaku ow'e Malesa
n'ayogera ebyobunnabbi eri Yekosafaati ng'agamba nti, "Kubanga okoze
endagaano ne Akaziya, n'omwegattako, MUKAMA alizikiriza by'okoze." Era
ebyombo ne bimenyekamenyeka, ne bitasobola kugenda Talusiisi.

## 21

1 Awo Yekosafaati ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu
kibuga kya Dawudi; Yekolaamu mutabani we n'amusikira.
2 Yekolaamu yalina baganda be, batabani ba Yekosafaati, nga be ba
Azaliya, ne Yekyeri, ne Zekkaliya, ne Azaliya, ne Mikayiri ne Sefatiya. Abo
bonna bali baana ba Yekosafaati kabaka wa Yuda.
3 Kitaabwe yabawa eby'obugagga bingi, ebya ffeeza ne zaabu, n'ebintu
eby'omuwendo ebirala, wamu n'ebibuga ebiriko bbugwe mu Yuda, naye
obwakabaka n'abuwa Yekolaamu kubanga ye yali omuggulanda.

### *Yekolaamu Kabaka wa Yuda*

4 Awo Yekolaamu bwe yamala okwenywereza ddala ku ntebe ye
ey'obwakabaka, n'atta baganda be bonna n'ekitala, era n'abakungu
abamu aba Isirayiri.*
5 Yekolaamu yalina emyaka amakumi asatu mu ebiri we yafuukira
kabaka, era n'afugira emyaka munaana mu Yerusaalemi.
6 N'atambulira mu makubo ga bakabaka ba Isirayiri, ng'ennyumba ya
Akabu bwe yakolanga, era n'okuwasa n'awasa muwala wa Akabu. N'akola
eby'ebibi mu maaso ga MUKAMA.
7 Newaakubadde ng'ebyo byonna byali bwe bityo, MUKAMA teyayagala
kusaanyaawo nnyumba ya Dawudi, kubanga yali akoze endagaano ne
Dawudi, ate ng'asuubizza okukuuma ettabaaza ye n'eya bazzukulu be
ng'eyaka emirembe gyonna.
8 Mu biro bya Yekolaamu Edomu n'ajeemera okufuga kwa Yuda ne
beeteekerawo kabaka owaabwe.
9 Awo Yekolaamu n'agendayo n'abakungu be n'amagaali ge gonna.
Abayedomu ne bamutaayiza ye n'abaduumizi ab'amagaali ge mu kiro,
naye n'abagolokokerako n'abakuba.

---

* **21:4** Isirayiri, ssoma Yuda.

10 Okuva ku olwo Edomu ne bajeemera Yuda n'okutuusa leero. Mu kiseera ekyo Libuna naye ne n'amujeemera, kubanga Yekolaamu yali avudde ku MUKAMA Katonda wa bajjajjaabe.
11 Yali azimbye n'ebifo ebigulumivu ku nsozi za Yuda, era ng'aleetedde n'abatuuze ba Yerusaalemi obutaba beesigwa, nga ne Yuda bawabye.
12 Yekolaamu n'afuna ebbaluwa okuva eri Eriya nnabbi ng'egamba nti,
"Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa jjajjaawo Dawudi nti, 'Olw'obutatambulira mu makubo ga kitaawo Yekosafaati, wadde mu makubo ga Asa kabaka wa Yuda,
13 naye n'otambulira mu kkubo lya bakabaka ba Isirayiri, n'oleetera Yuda n'abantu b'e Yerusaalemi obutaba beesigwa, ng'ennyumba ya Akabu bwe yakola, era n'otta ne baganda bo ab'ennyumba ya kitaawo, abaali bakusinga empisa,
14 MUKAMA kyaliva aleeta kawumpuli ow'amaanyi, ku bantu bo, n'abaana bo, n'abakyala bo, ne ku bintu byo byonna,
15 ate naawe olirwala obulwadde obw'amaanyi mu lubuto, erireetera ebyenda byo okuvaayo, buli lunaku.' "
16 Awo MUKAMA n'asitusa obusungu bw'Abafirisuuti n'Abawalabu abaabeeranga okumpi n'Abaesiyopiya eri Yekolaamu,
17 ne balumba Yuda, ne bakiwangula, ne batwala ebintu byonna ebyali mu lubiri lwa kabaka, ne batabani be, ne bakazi be, ne wataba mutabani we n'omu eyalekebwa okuggyako Yekoyakaazi, omuggalanda.
18 Oluvannyuma lw'ebyo byonna, MUKAMA n'aleetako Yekolaamu obulwadde obutawonyezeka obw'omu lubuto.
19 Awo ebiro bwe byayitawo, nga wayiseewo emyaka ebiri, ebyenda bye ne bitanula okumuvaamu, olw'obulwadde, n'afa mu bulumi bungi. Abantu be ne batamukumira lumbe, nga bwe baali bakoledde bajjajjaabe.
20 Yekolaamu yali wa myaka amakumi asatu mu ebiri bwe yatandika okuba kabaka, era n'afugira mu Yerusaalemi emyaka munaana. Okufa kwe tekwaleetera muntu n'omu kwejjusa, n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi naye si ku biggya bya bassekabaka.

# 22

## *Akaziya Kabaka wa Yuda*

1 Abantu ab'omu Yerusaalemi ne bafuula Akaziya, mutabani wa Yekolaamu omuggalanda, kabaka, kubanga abasajja abanyazi abajja n'Abawalabu baali bamaze okutta abaana be bonna abakulu. Awo Akaziya mutabani wa Yekolaamu n'atandika okufuga Yuda.
2 Akaziya yalina emyaka amakumi ana mu ebiri bwe yatandika okufuga, era n'afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Erinnya lya nnyina yali Asaliya, muzzukulu wa Omuli.
3 Ne Akaziya n'atambulira mu makubo ag'ennyumba ya Akabu, kubanga nnyina yamupikirizanga okukola ebibi.
4 N'akola ebibi mu maaso ga MUKAMA, ng'ennyumba ya Akabu bwe yakola, kubanga oluvannyuma olw'okufa kwa kitaawe be baamuwabyanga, okukola ebikyamu.
5 Era naye yagobereranga ebirowoozo byabwe, era n'agenda ne Yekolaamu, mutabani wa Akabu kabaka wa Isirayiri okutabaala Kazayeeri kabaka w'e Busuuli e Lamosugireyaadi. Abasuuli ne bafumita Yolaamu ebiwundu

6 era n'addayo e Yezuleeri okujjanjabibwa ebiwundu bye yali afunidde
e Laama, bwe yali ng'alwana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli. Awo
Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n'agenda okulaba ku
Yolaamu mutabani wa Akabu olw'ebisago ebyali bimutuusibbwako.
7 Naye kyali kyategekebwa Katonda, nti okugwa kwa Akaziya kulimu-
tuukako ng'akyalidde Yolaamu. Awo Akaziya bwe yatuuka eyo, n'agenda
ne Yolaamu okusisinkana Yeeku mutabani wa Nimusu, MUKAMA gwe yali
afuseeko amafuta okuzikiriza ennyumba ya Akabu.
8 Awo Yeeku bwe yali ng'asalira ennyumba ya Akabu omusango,
n'asanga abakungu ba Yuda, ne batabani ba baganda ba Akaziya,
abaaweerezanga Akaziya, n'abatta.
9 N'oluvannyuma n'anoonya Akaziya, era abasajja be ne bamuwambira
e Samaliya gye yali yeekwese, n'aleetebwa ewa Yeeku n'attibwa. Ne ba-
muziika nga boogera nti, “Ono ye muzzukulu wa Yekosafaati, eyanoonya
MUKAMA, n'omutima gwe gwonna.” Era mu nnyumba ya Akaziya ne
wataba n'omu eyayinza okusikira obwakabaka.

### *Asaliya ne Yowaasi*

10 Awo Asaliya, nnyina Akaziya bwe yalaba nga mutabani we afudde,
n'asitula olutalo era n'azikiriza ennyumba yonna ey'obwakabaka bwa
Yuda.
11 Naye Yekosabeyaasi, muwala wa kabaka Yekolaamu, n'abba Yowaasi
mutabani wa Akaziya okuva mu balangira abaali bagenda okuttibwa,
n'amukweka ye n'omukozi we mu kimu ku bisenge. Awo Yekosabeyaasi
muwala wa kabaka Yekolaamu, ate nga ye yali mukyala wa Yekoyaada
kabona, n'akweka omwana, Asaliya aleme okumutta. Yekosabeyaasi, yali
mwannyina Akaziya.
12 Omwana n'akwekebwa okumala emyaka mukaaga mu nnyumba ya
Katonda, nga Asaliya y'afuga ensi.

## 23

1 Naye mu mwaka ogw'omusanvu Yekoyaada n'alaga obuyinza bwe.
N'akola endagaano n'abaduumizi ab'ebibinja eby'ekikumi, era baali
Azaliya mutabani wa Yekokamu, ne Isimayiri mutabani wa Yekokanani, ne
Azaliya mutabani wa Obedi, ne Maaseya mutabani wa Adaya, ne Erisafaati
mutabani wa Zikuli.
2 Ne bagenda mu Yuda yonna ne bakuŋŋaanya Abaleevi
n'abakulembeze b'ennyumba za bajjajja ba Isirayiri okuva mu bibuga
byonna ebya Yuda ne bajja e Yerusaalemi.
3 Ekibiina kyonna ne bakola endagaano ne kabaka mu yeekaalu ya
Katonda.
Awo Yekoyaada n'abagamba nti, “Mutabani wa kabaka y'alifuga, nga
MUKAMA bwe yasuubiza bazzukulu ba Dawudi.
4 Era bwe muti bwe munaakola: kimu kya kusatu ku mmwe bak-
abona n'Abaleevi abanaaberanga ku luwalo ku ssabbiiti munaakuumanga
wankaaki,
5 ate kimu kya kusatu ekirala munaakuumanga olubiri lwa kabaka,
n'ekimu kya kusatu ekirala munaakuumanga Omulyango ogw'Omusingi,
n'abantu abalala bonna banaabeeranga mu luggya olwa yeekaalu ya
MUKAMA.
6 Tewabanga n'omu ayingira mu yeekaalu ya MUKAMA wabula bak-
abona, n'Abaleevi abanaabeeranga mu luwalo; abo banaayingiranga

kubanga batukuvu, naye abantu abalala bonna banaagobereranga ekyo MUKAMA kye yalagira.

7 Abaleevi banaayimiriranga okwetooloola kabaka, buli omu ku bo ng'akutte ebyokulwanyisa bye mu mukono gwe, na buli anaayingiranga mu yeekaalu wa kuttibwa. Mubeere kumpi nnyo ne kabaka, buli gy'anaalaganga."

8 Abaleevi n'abantu bonna aba Yuda ne bakola nga Yekoyaada kabona bwe yalagira. Buli omu ku bo n'atwala abasajja be, abo abaali mu luwalo ku Ssabbiiti, wamu n'abo abaali bamaliriza olwabwe, kubanga Yekoyaada kabona yali tannabagaba mu mpalo.

9 N'awa abaduumizi ab'ekikumi amafumu, n'engabo ennene, n'engabo entono, ebyali ebya Kabaka Dawudi, ebyabeeranga mu yeekaalu ya Katonda.

10 Era n'ateekateeka buli musajja okuba omukuumi wa kabaka, nga buli omu ku bo akutte ekyokulwanyisa mu mukono gwe, nga beetoolodde kabaka, n'okwetooloola ekyoto ne yeekaalu, okuva mu bukiikaddyo, okutuuka ku bukiikakkono obwa yeekaalu.

11 Awo Yekoyaada ne batabani be ne bafulumya mutabani wa kabaka ne bamutikkira engule ey'obwakabaka, ne bakola endagaano, era ne bamulangirira okuba kabaka. Ne bamufukako amafuta, ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Wangaala kabaka!"

12 Naye Asaliya bwe yawulira oluyoogaano lw'abantu nga badduka era nga batendereza kabaka, n'agenda gye bali mu yeekaalu ya MUKAMA.

13 N'atunula, laba, kabaka ng'ayimiridde okuliraana empagi ye ku mulyango, n'abakungu n'abafuuwa amakondeere nga bayimiridde okumwetooloola, era nga n'abantu bonna ab'ensi nga basanyuka nga bafuuwa n'amakondeere, n'abayimbi nga bakutte ebivuga byabwe nga bakulembedde okujaguza. Awo Asaliya n'ayuza ebyambalo bye, n'aleekaanira waggulu nti, "Bujeemu! Bujeemu!"

14 Yekoyaada kabona n'atuma abaduumizi ab'ebibinja eby'ekikumi, abaavunaanyizibwanga eggye, n'abagamba nti, "Mumufulumye mumuteeke wakati w'enyiriri, mutte n'ekitala omuntu yenna anaamugoberera." Kabona yali ayogedde nti, "Temumuttira mu yeekaalu ya MUKAMA."

15 Bwe yali ng'anaatera okutuuka ku mulyango ogw'embalaasi mu luggya olwokubiri, ne bamukwata ne bamuttira eyo.

16 Awo Yekoyaada n'akola endagaano wakati we n'abantu bonna era ne kabaka, nti baliba bantu ba MUKAMA.

17 Abantu bonna ne bagenda mu ssabo lya Baali ne balimenyaamenya, ne bamenyaamenya n'ebyoto bye n'ebifaananyi bye, era ne battira ne Matani kabona wa Baali mu maaso g'ebyoto bya Baali.

18 Awo Yekoyaada n'assaawo abanaalabiriranga yeekaalu ya MUKAMA, era n'alonda bakabona n'Abaleevi Dawudi be yali awadde obuvunaanyizibwa obw'okuwangayo ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA, nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa, nga bajaguza era nga bayimba, nga Dawudi bwe yalagira.

19 N'ateeka n'abaggazi ku wankaaki za yeekaalu ya MUKAMA, waleme okubaawo omuntu yenna atali mulongoofu ayingira.

20 N'agenda n'abaduumizi ab'ekikumi, n'abakungu, n'abafuzi b'abantu, n'abantu bonna ab'eggwanga, ne baggya kabaka mu yeekaalu ya MUKAMA, ne bayita mu wankaaki ow'ekyengulu ne balaga mu lubiri lwa kabaka. Ne batuuza kabaka ku ntebe ye ey'obwakabaka.

21 Abantu bonna ab'ensi ne bajaguza, n'ekibuga ne kitereera, kubanga Asaliya yali attiddwa n'ekitala.

# 24

*Yowaasi Addaabiriza Yeekaalu*

1 Yowaasi yalina emyaka musanvu we yafuukira kabaka, era n'afugira emyaka amakumi ana mu Yerusaalemi n'erinnya lya nnyina ye yali Zebbiya ow'e Beeruseba.

2 Yowaasi n'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA mu biro byonna ebya Yekoyaada kabona.

3 Yekoyaada n'amulondera abakyala babiri, era ne bamuzaalira abaana aboobulenzi n'aboobuwala.

4 Bwe waayitawo ebbanga, Yowaasi n'ayagala okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA.

5 N'ayita bakabona n'Abaleevi, n'abagamba nti, "Mugende mu bibuga bya Yuda, musolooze ensimbi eza buli mwaka okuva mu Isirayiri yenna, olw'okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA, era mutandikirewo." Naye Abaleevi ne batakikolerawo.

6 Awo kabaka n'atumya Yekoyaada kabona asinga obukulu, n'amubuuza nti, "Kiki ekyakulobera okugamba Abaleevi, n'ekibiina kya Isirayiri ku lw'eweema ey'Obujulirwa, okuva eri Yuda ne Yerusaalemi okuleetanga omusolo, Musa omuddu wa Katonda gwe yalagira?"

7 Mu biro eby'emabegako, batabani ba Asaliya, omukazi oli omubi, baali baamenya ne bayingira mu yeekaalu ya MUKAMA, ne bakozesa ebintu byonna ebyawongebwa mu yeekaalu ya MUKAMA, emirimu gya Baali.

8 Awo kabaka n'alagira ne bakola essanduuko, ne bagissa ebweru wa wankaaki wa yeekaalu ya MUKAMA.

9 Ekiragiro ne kiyita mu Yuda yonna ne mu Yerusaalemi yonna, okuleeteranga MUKAMA omusolo, Musa omuddu wa Katonda gwe yalagira Isirayiri nga bali mu ddungu.

10 Abakungu bonna n'abantu bonna ne baleetanga omusolo ogwo nga basanyufu, ne baguteekanga mu ssanduuko, okutuusa lwe yajjulanga.

11 Buli essanduuko bwe yaleetebwanga Abaleevi eri abakungu ba kabaka ne balaba ng'erimu sente nnyingi, omuwandiisi wa kabaka n'omukungu wa kabona asinga obukulu, baagitwalanga ne baziggyamu, ne bagikomyawo mu kifo kyayo. Kino baakikolanga buli lunaku, era ne bakuŋŋaanya ensimbi nnyingi.

12 Kabaka ne Yekoyaada ne bazikwasa abo abaavunaanyizibwanga omulimu gwa yeekaalu ya MUKAMA, bo ne bapangisa abaagula amayinja n'ababazzi okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA, n'abalala baali baweesi ba byuma n'ebikomo era nabo nga baakuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA.

13 Abasajja abaavunaanyizibwanga omulimu ogwo baali banyiikivu, era n'omulimu ogwo gwali mu mikono gyabwe, era ne baddaabiriza yeekaalu ya Katonda okutuuka ku mutindo gwayo ogugisaanira, ne baginyweza.

14 Awo bwe baamaliriza, ensimbi ezafikkawo ne bazikomyawo ewa kabaka ne Yekoyaada, ate ezo ne zikozesebwa okukola ebintu eby'omu yeekaalu ya MUKAMA, eby'obuweereza n'eby'ebiweebwayo ebyokebwa, ne bbakuli ez'obubaane, n'ebibya ebya zaabu ne ffeeza. Era ne baweerangayo ebiweebwayo ebyokebwa mu yeekaalu ya MUKAMA ennaku zonna eza Yekoyaada.

15 Yekoyaada n'akaddiwa, n'awangaala nnyo, n'afa ng'aweza emyaka kikumi mu asatu egy'obukulu.

16 N'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi ne bassekabaka, kubanga yakola
ebirungi mu Isirayiri, ku lwa Katonda ne ku lwa yeekaalu ye.

### *Enneeyisa Embi eya Yowaasi*

17 Awo Yekoyaada ng'amaze okufa, abakungu ba Yuda ne bajja ne
bavuunamira kabaka, n'abawuliriza.
18 Ne baleka yeekaalu ya MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe, ne
baweerezanga Baasera n'ebifaananyi, obusungu bwa Katonda kyebwava
bubuubuukira ku Yuda ne Yerusaalemi.
19 Newaakubadde nga MUKAMA yabatumira bannabbi okubakomyawo
gy'ali, ne babalumiriza, tebassaayo mwoyo.
20 Awo Omwoyo wa Katonda n'akka ku Zekkaliya muzzukulu wa Yekoy-
aada, n'ayimirira mu maaso g'abantu n'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera
Katonda nti, 'Lwaki mujeemera amateeka ga MUKAMA? Temujja kufuna
mukisa kukulaakulana. Kubanga muvudde ku MUKAMA naye kyavudde
abaleka.' "
21 Naye ne basala olukwe okutta Zekkaliya, kabaka n'alagira n'akubibwa
amayinja, n'afiira mu luggya lwa yeekaalu ya MUKAMA.
22 Kabaka Yowaasi n'atajjukira kisa Yekoyaada kitaawe wa Zekkaliya kye
yamulaga, n'atta mutabani we. Zekkaliya bwe yali ng'afa n'ayogera nti,
"MUKAMA kino akirabe, era akuvunaane."
23 Ku nkomerero ey'omwaka, eggye ery'Abasuuli ne lirumba Yowaasi.
Ne bajja mu Yuda ne mu Yerusaalemi ne bazikiriza abakungu bonna, ne
baweereza omunyago gwonna eri kabaka waabwe e Ddamasiko.
24 Newaakubadde ng'eggye ery'Abasuuli ly'ajja n'abasajja batono,
MUKAMA yawaayo eggye eddene ennyo erya Yuda mu mukono
gw'Abasuuli kubanga Yuda baava ku MUKAMA, Katonda wa bajjajjaabwe.
Abasuuli ne babonereza Yowaasi.
25 Awo Abasuuli bwe baavaayo, ne baleka nga Yowaasi alumizibbwa
nnyo, era abaddu be ne bamusalira olukwe, olw'omusaayi gw'abaana ba
Yekoyaada kabona, gwe yayiwa, ne bamuttira mu kitanda kye. Bwe yafa,
n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi, naye si mu masiro ga bassekabaka.
26 Abaamusalira olukwe baali Zabadi mutabani wa Simeyaasi omukazi
Omwamoni, ne Yekozabadi mutabani wa Simulisi omukazi Omumowaabu.
27 Ebyafaayo ebikwata ku batabani be, n'ebyamulagulwako,
n'eby'okuddaabiriza kwa yeekaalu ya Katonda, byawandiikibwa mu
ngero ez'ekitabo ekya bassekabaka. Amaziya mutabani we n'amusikira.

## 25

### *Amaziya Kabaka wa Yuda*

1 Amaziya yalina emyaka amakumi abiri mu etaano we yafuukira
kabaka, era n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu
Yerusaalemi. Nnyina ye yali Yekoyadaani ow'e Yerusaalemi.
2 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, naye si na mutima
ogutuukiridde.
3 Obwakabaka bwe bwanywezebwa mu buyinza bwe, n'atta abakungu
abatta kabaka kitaawe.
4 Naye n'atatta baana baabwe, wabula n'akola ng'etteeka mu kitabo
kya Musa, MUKAMA we yalagira nti, "Abazadde tebattibwenga olw'ekibi
ky'abaana baabwe, so n'abaana tebattibwenga olw'ekibi ky'abazadde
baabwe, naye buli muntu anaafanga olw'ekibi kye ye."

5 Amaziya n'akuŋŋaanya abasajja ba Yuda, n'abategeka mu nnyiriri z'ennyumba zaabwe, nga baduumirwa ab'enkumi n'ab'ebikumi mu Yuda yonna ne mu Benyamini. N'oluvannyuma n'abala abo abaalina emyaka amakumi abiri n'okusingawo, ne baba abasajja emitwalo amakumi asatu, abaali basobola okugenda mu lutalo, era nga bayinza n'okukwata effumu n'ekitala.
6 Ate era n'agulayo n'abasajja abalala ab'amaanyi nga bazira emitwalo kkumi okuva mu Isirayiri, olwa ttani ssatu ne bisatu byakuna ebya ffeeza.
7 Naye ne wabaawo omusajja wa Katonda eyagenda gy'ali n'amugamba nti, "Ayi kabaka, tokkiriza eggye lya Isirayiri okugenda naawe, kubanga MUKAMA tali wamu ne Isirayiri, talina n'omu gwali naye ku bantu ba Efulayimu.
8 Ate ne bw'onoogenda ng'olowooza nti oli muzira nnyo mu ntalo, Katonda alikuwaayo mu maaso g'omulabe, kubanga Katonda alina obuyinza okuyamba, n'okulekerera."
9 Awo Amaziya n'abuuza omusajja wa Katonda nti, "Naye tunaakola tutya ku bya ttani esatu n'ebisatu byakuna ebya ffeeza ze nasasula eggye lya Isirayiri?" Omusajja wa Katonda n'addamu nti, "MUKAMA ayinziza ddala okukuwa n'ebisinga ku ebyo."
10 Awo Amaziya n'alagira eggye eryali lizze gy'ali okuva mu Efulayimu okuddayo ewaabwe waalyo. Ne banyiigira nnyo Yuda, era ne baddayo ewaabwe nga banyiize nnyo.
11 Amaziya ne yeefungiza, n'akulembera abantu be, n'agenda mu kiwonvu eky'omunnyo n'atta abasajja omutwalo gumu ab'e Seyiri.
12 Eggye lya Yuda ne liwamba n'abasajja abalala omutwalo gumu nga balamu, ne babatwala waggulu ku lwazi, ne babasuula wansi okuva ku bbangabanga, ne basesebbuka ebifiifiifi.
13 Naye eggye liri Amaziya lye yasindika okuddayo, n'ataliganya kugenda naye mu lutalo; lyalumba ebibuga bya Yuda okuva e Samaliya okutuuka e Besukolooni, ne litta abantu enkumi ssatu ku bo, era ne litwala n'omunyago mungi.
14 Awo Amaziya bwe yakomawo ng'amaze okutta Abayedomu, n'aleeta bakatonda b'abantu ab'e Seyiri, n'abassaawo nga bakatonda be, n'abasinzanga, era n'abaweerangayo ebiweebwayo ebyokebwa.
15 Obusungu bwa MUKAMA kyebwava bubuubuukira ku Amaziya, n'amuweereza nnabbi, eyamutegeeza nti, "Lwaki ogoberera bakatonda b'abantu, abataayinza kulokola bantu baabwe mu mukono gwo?"
16 Naye bwe yali ng'akyayogera, kabaka n'amubuuza nti, "Twali tukulonze okuba omuwi wa magezi owa kabaka? Sirika! Lwaki onoonya okuttibwa?" Awo nnabbi nga tannasirika, n'ayogera kino nti, "Mmanyi nga Katonda amaliridde okukuzikiriza, kubanga tossizaayo mwoyo ku kubuulirira kwange."
17 Awo Amaziya kabaka wa Yuda ne yeebuuza ku bawi b'amagezi be, n'aweereza obubaka eri Yowaasi mutabani wa Yekoyakaazi, muzzukulu wa Yeeku, kabaka wa Isirayiri, ng'agamba nti, "Jjangu tusisinkane amaaso n'amaaso."
18 Naye Yowaasi kabaka wa Isirayiri n'addamu Amaziya kabaka wa Yuda bw'ati nti, "Omwennyango ogwali mu Lebanooni gw'aweereza obubaka eri omuvule ogwali mu Lebanooni, nga gugamba nti, 'Waayo muwala wo eri mutabani wange, amufumbirwe,' naye ensolo ey'omu nsiko eyali mu Lebanooni, ng'eyitawo, n'erinnyirira omwennyango.

19 Weewaana nga bw'owangudde Edomu, era omutima gwo gujjudde
okwegulumiza n'okwenyumiriza. Naye sigala ewuwo. Lwaki onoonya
emitawaana, ne weeretera okugwa, ggwe ne Yuda?"

20 Naye Amaziya n'atawuliriza, kubanga okuwangulwa abalabe baabwe
kwava eri Katonda, kubanga bava ku Katonda waabwe ne banoonya
bakatonda ba Edomu.
21 Awo Yowaasi kabaka wa Isirayiri n'alumba, ye ne Amaziya kabaka
wa Yuda ne basisinkana amaaso n'amaaso mu lutalo e Besusemesi ekya
Yuda.
22 Isirayiri n'awangula Yuda, buli muntu n'addukira ewuwe.
23 Yowaasi kabaka wa Isirayiri n'awambira Amaziya kabaka wa
Yuda mutabani wa Yowaasi, muzzukulu wa Yekoyakaazi e Besusemesi,
n'amuleeta e Yerusaalemi. Yowaasi n'amenyaamenya n'ekitundu ekya
bbugwe wa Yerusaalemi okuva ku mulyango gwa Efulayimu okutuuka ku
Mulyango ogw'oku Nsonda, eyali mita kikumi mu kinaana obuwanvu.
24 N'atwala ezaabu n'effeeza yonna, n'ebintu ebirala byonna ebyali
mu yeekaalu ya Katonda ebyali bikuumibwa Obededomu, wamu
n'eby'obugagga eby'omu lubiri, n'abawambe, n'addayo e Samaliya.
25 Awo Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda n'awangaala
emyaka emirala kkumi n'ettaano, oluvannyuma olw'okufa kwa Yowaasi
mutabani wa Yekoyakaazi, kabaka wa Isirayiri.
26 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Amaziya, okuva ku
ntandikwa okutuuka ku nkomerero, tebyawandiikibwa mu kitabo kya
bassekabaka ba Yuda ne Isirayiri?
27 Okuva mu kiseera, Amaziya lwe yakyuka okuva ku MUKAMA,
baamusalira olukwe mu Yerusaalemi, n'addukira e Lakisi. Kyokka
ne bamusindikira abasajja abaamugoberera okutuuka e Lakisi, era ne
bamuttira eyo.
28 Omulambo gwe ne baguleetera ku mbalaasi, n'aziikibwa mu masiro
ga bajjajjaabe mu kibuga kya Yuda.

# 26

*Uzziya Kabaka wa Yuda*

1 Awo Uzziya bwe yali ng'aweza emyaka kkumi na mukaaga
egy'obukulu, abantu bonna aba Yuda, ne bamufuula kabaka n'asikira
kitaawe Amaziya.
2 N'addaabiriza Erosi, n'akiddiza Yuda nga Amaziya amaze okuziikibwa.
3 Uzziya yali awezezza emyaka kkumi na mukaaga we yaliira obwak-
abaka, n'afugira emyaka amakumi ataano mu ebiri mu Yerusaalemi.
Nnyina ye yali Yekkiriya ow'e Yerusaalemi.
4 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe Amaziya bwe
yasooka okukola.
5 N'amalirira okunoonya Katonda mu biro bya Zekkaliya eyamubu-
ulririranga okutya Katonda. Era ebbanga lyonna lye yanoonya MUKAMA,
Katonda n'amuwa omukisa.
6 N'agenda n'alwana n'Abafirisuuti, n'amenyaamenya bbugwe wa
Gaasi, ne bbugwe wa Yabune ne bbugwe wa Asudodi, n'oluvannyuma
n'azimba ebibuga okumpi ne Asudodi ne mu bitundu ebirala wakati mu
Bafirisuuti.
7 Katonda n'amuyambanga ng'alwana n'Abafirisuuti, n'Abawalabu
abaabeeranga mu Gulubaali, era n'Abamewunimu.

8 Abamoni ne bawanga Uzziya busuulu, era n'erinnya lye ne lyatiikirira n'okutuusa ku nsalo ya Misiri, kubanga yali afuuse wa maanyi nnyo.

9 Uzziya n'azimba eminaala mu Yerusaalemi ku wankaaki ow'oku Nsonda, ne ku wankaaki ow'omu Kiwonvu, ne mu kifo bbugwe w'akyukira, era n'agissaako bbugwe.

10 Era n'azimba n'eminaala mu ddungu, ate era n'asima n'ebidiba bingi mu biwonvu ne mu lusenyi, olw'amaggana amanene ge yalina. Yalina n'abantu abaakolanga mu nnimiro ze ez'emizabbibu mu nsozi n'abaalimanga ettaka eggimu, kubanga yayagalanga nnyo okulima.

11 Uzziya yalina eggye ery'abasajja abalwanyi abaatendekebwa obulungi, abaatabaalanga mu bibinja ng'emiwendo gyabwe bwe gyali, Yeyeri omuwandiisi gye yabala ne Maaseya omukungu, eyali wansi wa Kananiya, omu ku baduumizi b'eggye lya kabaka.

12 Omuwendo gwonna awamu ogw'abakulu b'ennyumba ez'abasajja abalwanyi gwali enkumi bbiri mu lukaaga (2,600).

13 Abo be baaduumiranga eggye ery'abasajja abatendeke mu kulwana, abaawera emitwalo amakumi asatu mu kasanvu mu ebikumi bitaano (307,500), abaakuumanga kabaka.

14 Uzziya n'awa eggye lyonna, engabo, n'amafumu, n'enkuufiira ez'ebyuma, n'ebizibaawo eby'ebyuma, n'emitego emigumu, n'envuumuulo.

15 N'akozesa ebyuma mu Yerusaalemi ebyayiyizibwa abasajja abamanyirivu, ebyakozesebwanga ku minaala ne ku nkomera okulasa obusaale n'okuvuumuula amayinja amanene. Yayambibwa nnyo, n'atutumuka era erinnya lye ne lyatiikirira nnyo.

16 Kyokka Uzziya bwe yatutumuka, ne yeegulumiza, n'okugwa n'agwa kubanga teyali mwesigwa eri MUKAMA Katonda we, n'okuyingira n'ayingira mu yeekaalu ya MUKAMA okwotereza obubaane ku kyoto eky'obubaane.

17 Azaliya kabona ne bakabona ba MUKAMA abalala abazira kinaana ne bagenda gy'ali,

18 ne bamuziyiza, nga bamugamba nti, "Si mulimu gwo, Uzziya, okwotereza MUKAMA obubaane, naye mulimu gwa bakabona bazzukulu ba Alooni abaayawulibwa okwotezanga obubaane. Ffuluma ove mu watukuvu, kubanga osobezza, era tojja kusiimibwa MUKAMA Katonda."

19 Awo Uzziya n'asunguwala ng'akyakutte ekyoterezo mu mukono gwe. Mu kiseera ekyo ng'asunguwalidde bakabona ng'ayimiridde ku mabbali g'ekyoto eky'obubaane mu yeekaalu ya MUKAMA, ebigenge ne bimukwata ekyenyi kyonna.

20 Awo Azaliya kabona asinga obukulu ne bakabona abalala bwe bamutunuulira, ne balaba ng'akwatiddwa ebigenge mu kyenyi kye ne banguwa okumufulumya ebweru. Ate era naye yennyini n'ayagala okufuluma kubanga MUKAMA yali amukubye omuggo.

21 Kabaka Uzziya n'aba mugenge okutuusa lwe yafa, ng'abeera mu nnyumba eyayawulibwa ku ndala zonna olw'obugenge bwe, nga n'obuvunaanyizibwa bwonna bumuggyibbwako, ate era nga takkirizibwa kuyingira mu yeekaalu ya MUKAMA. Yosamu mutabani we n'atwala obuvunaanyizibwa obw'olubiri n'afuga abantu ab'eggwanga.

22 Ebyafaayo ebirala eby'omu mirembe gya Uzziya, okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero, byawandiikibwa Isaaya nnabbi, mutabani wa Amozi.

23 Uzziya n'afa, n'aziikibwa okumpi ne bajjajjaabe mu kiggya kya
bakabaka, kubanga, yali mugenge. Yosamu mutabani we n'amusikira,
bw'atyo n'afuga mu kifo kye.

# 27

*Yosamu Kabaka wa Yuda*

1 Yosamu yali wa myaka amakumi abiri mu etaano, bwe yalya obwak-
abaka, n'afugira mu Yerusaalemi emyaka kkumi na mukaaga. Nnyina ye
yali Yerusa muwala wa Zadooki.
2 Newaakubadde ng'abantu beeyongera okukola ebitali bya butuukirivu,
Yosamu yakola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, nga kitaawe Uzziya
bwe yakola; naye obutafaanana nga kitaawe bwe yakola, teyayingira mu
yeekaalu ya MUKAMA.
3 N'addaabiriza Omulyango ogw'Ekyengulu ogwa yeekaalu ya MUKAMA,
ate era n'akola omulimu munene ogw'okuddaabiriza bbugwe wa Oferi.
4 N'azimba n'ebibuga mu nsozi za Yuda, ate mu bibira n'azimbamu
ebigo n'asimbamu n'eminaala.
5 Yosamu n'alwana ne kabaka w'Abamoni n'amuwangula, era omwaka
ogwo Abamoni ne bamuwa ttani ssatu eza ffeeza ne desimoolo nnya,
n'ebigero by'eŋŋaano obukadde bubiri mu emitwalo amakumi abiri,
n'ebigero bya sayiri obukadde bubiri mu emitwalo amakumi abiri.
Abamoni ne bamuleeteranga ebintu byebimu mu bigero byebimu mu
mwaka ogwokubiri ne mu mwaka ogwokusatu.
6 Yosamu n'aba n'obuyinza bungi kubanga yatambuliranga mu makubo
ga MUKAMA Katonda we.
7 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Yosamu, entalo ze
yalwana, ne bye yakola, byawandiikibwa mu kitabo kya Bassekabaka ba
Isirayiri ne Yuda.
8 Yosamu yali wa myaka amakumi abiri mu etaano bwe yalya obwak-
abaka, era n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusaalemi.
9 Ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu Kibuga kya
Dawudi; Akazi mutabani we n'amusikira.

# 28

*Akazi Kabaka wa Yuda*

1 Akazi yali wa myaka amakumi abiri we yaliira obwakabaka, n'afugira
emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusaalemi. Naye obutafaanana nga
jjajjaawe Dawudi, yakola ebitali bya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA.
2 N'atambulira mu makubo ga bassekabaka ba Isirayiri, n'okukola
n'akola ebifaananyi ebisaanuuse ebyakozesebwanga mu kusinza Baali.
3 N'ayoterezanga obubaane mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu,
n'awaayo batabani be okuba ebiweebwayo ebyokebwa, ng'agoberera
emizizo gy'abannaggwanga, MUKAMA be yagoba mu maaso g'Abayisirayiri.
4 N'awangayo ssaddaaka wamu n'okwoterezanga obubaane mu bifo
ebigulumivu, ne ku ntikko z'ensozi, ne wansi wa buli muti omubisi.
5 MUKAMA Katonda we kyeyava amuwaayo mu mukono gwa kabaka
w'e Busuuli, eyamuwangula n'atwala abantu ba Yuda bangi nga basibe,
n'abaleeta e Ddamasiko.
Ate era yaweebwayo ne mu mukono gwa kabaka wa Isirayiri, eyaleeta
ku bantu ba Yuda ebisago ebinene.

6 Peka mutabani wa Lemaliya yatta abaserikale ba Yuda emitwalo kkumi n'ebiri mu lunaku lumu, kubanga baali bavudde ku MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe.
7 Ne Zikuli, omusajja omulwanyi omuzira owa Efulayimu n'atta Maaseya mutabani wa kabaka, ne Azulikamu omukulu w'olubiri ne Erukaana omukungu, addirira kabaka.
8 Abayisirayiri ne bawamba abakyala, n'abaana aboobulenzi, n'aboobuwala, emitwalo amakumi abiri ku baganda baabwe, ne babatwala nga basibe e Samaliya, ate ne babatwalako n'omunyago mungi.
9 Awo Odedi nnabbi wa MUKAMA eyali eyo n'agenda okusisinkana eggye eryali lijja e Samaliya, n'abagamba nti, "Laba, kubanga MUKAMA Katonda wa bajjajjammwe yasunguwalira Yuda, kyeyava abawaayo mu mukono gwammwe, kyokka mubasse n'ekiruyi n'okutuuka ne kituuka mu ggulu.
10 Kaakano, abasajja n'abakazi aba Yuda ne Yerusaalemi mumaliridde, okubafuula abaddu bammwe. Naye bwe mmwekebera, temulina kye mwali musobezza MUKAMA Katonda wammwe?
11 Kale nno, mumpulirize, muleke baganda bammwe be muwambye baddeyo ewaabwe, kubanga MUKAMA abasunguwalidde mmwe."
12 Awo abamu ku bakadde ba Efulayimu, Azaliya mutabani wa Yokanaani, ne Berakiya mutabani wa Mesiremosi, ne Yekizukiya mutabani wa Sallumu, ne Amasa mutabani wa Kadalayi, ne bayimirira okuziyiza abo abaali bava mu lutalo.
13 Ne babagamba nti, "Temujja kuleeta basibe abo wano, kubanga mujja kutuleetako omusango eri MUKAMA nga mwongereza ku kibi ne ku musango bye tulina. Omusango gwaffe munene, n'obusungu bwe buli ku Isirayiri."
14 Awo abaserikale ne basumulula abasibe, n'omunyago ne baguwaayo mu maaso g'abakungu n'ekibiina kyonna.
15 Ne balonda abasajja abaatwala abasibe ne baggya engoye mu munyago ne bambaza abo bonna abaali obwereere, ne babawa engoye endala, n'engatto, ne babawa emmere n'ekyokunywa, ne babanyiga n'ebiwundu. N'abaali abanafu ennyo bonna ne babasitulira ku ndogoyi, ne babazzaayo eri baganda baabwe e Yeriko, ekibuga eky'enkindu, bo ne bakomawo e Samaliya.
16 Awo mu biro ebyo kabaka Akazi n'asaba kabaka w'e Bwasuli amuyambe,
17 kubanga Abayedomu baali bazeemu okulumba Yuda, ne batwala abantu mu busibe.
18 Mu kiseera kyekimu Abafirisuuti baali balumbye ebibuga eby'omu nsenyi n'eby'omu bukiikaddyo obwa Yuda, nga bawambye Besusemesi, ne Ayalooni, ne Gederosi, ne Soko, ne Timuna, ne Gimuzo n'ebyalo ebyali byetoolodde ebibuga ebyo, era ng'omwo mwe babeera.
19 MUKAMA yakkakkanya nnyo Yuda olw'ebibi n'obutali bwesigwa bwa Akazi kabaka wa Isirayiri eri MUKAMA, Akazi bye yakola mu Yuda.
20 Tirugazupiruneseri kabaka w'e Bwasuli n'ajja gy'ali, n'amucocca mu kifo eky'okumuyamba.
21 Akazi n'aggya ebimu ku bintu ebyali mu yeekaalu ya MUKAMA, ne ku ebyo ebyali mu lubiri lwa kabaka, ne ku bya balangira n'abiwa kabaka w'e Bwasuli; naye ekyo ne kitamuyamba.
22 Mu kiseera ekyo kabaka Akazi we yalabira ennyo ennaku, yeeyongera obutaba mwesigwa eri MUKAMA.

23 N'awangayo ssaddaaka eri bakatonda b'e Ddamasiko, abaali ba-
muwangudde, kubanga yalowooza nti, “Engeri bakatonda ba bakabaka
b'e Busuuli bwe babayambye, nnaawaayo ssaddaaka gye bali, nange
bannyambe.” Naye okwo kwe kwali okuzikirira kwe n'okwa Isirayiri
yenna.
24 Akazi n'akuŋŋaanya ebintu eby'omu yeekaalu ya Katonda,
n'abiggyamu, n'aggalawo enzigi za yeekaalu ya Mukama, ne yeezimbira
ebyoto mu buli nsonda mu Yerusaalemi.
25 Mu buli kibuga kya Yuda n'azimbamu ebifo ebigulumivu okuweran-
gayo ssaddaaka eri bakatonda abalala, n'asunguwaza Mukama Katonda
wa bajjajjaabe.
26 Ebyafaayo ebirala eby'omu mulembe gwe n'empisa ze zonna, okuva
ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero, byawandiikibwa mu kitabo kya
bassekabaka ba Yuda ne Isirayiri.
27 Akazi n'afa n'aziikibwa mu kibuga kya Yerusaalemi, naye si mu
masiro ga bassekabaka ba Isirayiri. Keezeekiya mutabani we n'amusikira.

# 29

*Keezeekiya Atukuza Yeekaalu*

1 Keezeekiya yali wa myaka amakumi abiri mu etaano bwe yalya ob-
wakabaka; n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusaalemi.
Nnyina ye yali Abiya muwala wa Zekkaliya.
2 Keezeekiya n'akola ebirungi mu maaso ga Mukama, nga jjajjaawe
Dawudi bwe yakola.
3 Mu mwaka gwe ogwasooka, mu mwezi ogw'olubereberye, n'aggulawo
enzigi za yeekaalu ya Mukama, n'aziddaabiriza.
4 N'ayingiza bakabona n'Abaleevi, n'abakuŋŋaanyiza mu luggya olugazi
ku luuyi olw'ebuvanjuba,
5 n'abagamba nti, “Mumpulirize Abaleevi, kaakano mwetukuze, ate
mutukuze ne yeekaalu ya Mukama Katonda wa bajjajjammwe, muggye
buli kitali kirongoofu mu watukuvu.
6 Bajjajjaffe baayonoona, ne bakola ebitali birungi mu maaso ga Mukama
Katonda waffe ne bamuvaako. Baggya amaaso gaabwe ku kifo Mukama
gy'abeera, ne bamukuba amabega.
7 Baggalawo n'enzigi ez'ekisasi ne bazikiza n'ettabaaza, so tebootereza
bubaane wadde okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa mu watukuvu eri
Katonda wa Isirayiri.
8 Obusungu bwa Mukama kyebwava bukka ku Yuda ne ku Yerusaalemi,
era abafudde ekikangabwa, n'ekisekererwa era ekinyoomebwa, nga bwe
mulaba n'amaaso gammwe.
9 Bajjajjaffe kyebaava bagwa n'ekitala, ate batabani baffe, ne bawala
baffe ne bakyala baffe bo ne batwalibwa mu busibe.
10 Kaakano mmaliridde mu mutima gwange okukola endagaano ne
Mukama, Katonda wa Isirayiri obusungu bwe obw'amaanyi butuveeko.
11 Batabani bange temuddangayo kulagajjala nate, kubanga
Mukama abalonze okuyimiriranga mu maaso ge okumuweerezanga,
n'okumwoterezanga obubaane.”

12 Awo Abaleevi ne batandika okukola era baali:

Makasi mutabani wa Amasayi,

ne Yoweeri mutabani wa Azaliya ab'omu lulyo lwa Bakokasi,
ne Kiisi mutabani wa Abudi,
ne Azaliya mutabani wa Yekalereri ab'omu lulyo lwa Merali,
ne Yowa mutabani wa Zimma,
ne Adeni mutabani wa Yowa ab'omu lulyo lwa Bagerusoni,
13 ne Simuli ne Yeyeri
bazzukulu ba Erizafani,
ne Zekkaliya ne Mattaniya,
bazzukulu ba Asafu,
14 ne Yekweri ne Simeeyi,
bazzukulu ba Kemani,
ne Semaaya ne Wuziyeeri
bazzukulu ba Yedusuni.

15 Ne bakuŋŋaanya baganda baabwe, ne beetukuza bo bennyini,
n'oluvannyuma ne bayingira okutukuza yeekaalu ya Mukama nga kabaka
bwe yali alagidde, ng'agoberera ebigambo bya Mukama.
16 Bakabona ne bayingira mu watukuvu wa Mukama ne batukuzaamu.
Ne bafulumya ebitaali birongoofu byonna ebyasangibwa mu yeekaalu ya
Mukama ne babiteeka mu luggya lwa yeekaalu ya Mukama, Abaleevi ne
babitwala ebweru mu Kiwonvu Kiduloni.
17 Okutukuza ne kutandika ku lunaku olusooka mu mwezi
ogw'olubereberye; ku lunaku olw'omunaana mu mwezi ogwo ne batuuka
ku kisasi kya Mukama. Ne bamala ennaku munaana nga batukuza
yeekaalu ya Mukama; ku lunaku olw'ekkumi n'omukaaga olw'omwezi
ogw'olubereberye ne bamaliriza.
18 Awo ne bagenda eri kabaka Keezeekiya ne bamutegeeza nti, "Tutukuz-
izza yeekaalu ya Mukama yonna, ekyoto eky'okuweerayo ebiweebwayo
ebyokebwa n'ebintu byakwo byonna, n'emmeeza ey'emigaati egy'okulaga
n'ebintu byakwo byonna.
19 N'ebintu byonna kabaka Akazi bye yaggyamu olw'obutali bwesigwa
bwe, tubiteeseteese ne tubitukuza, era laba biri mu maaso g'ekyoto kya
Mukama."
20 Awo bwe bwakya, enkeera kabaka Keezeekiya n'akuŋŋaanya
abakungu ab'omu kibuga, ne balaga mu yeekaalu ya Mukama.
21 Ne baleeta ente ennume musanvu, n'endiga ennume musanvu,
n'endiga ento nga nnume musanvu, n'embuzi ennume musanvu okuba
ebiweebwayo olw'ekibi ku lw'obwakabaka, ne ku lwa watukuvu, ne ku
lwa Yuda. N'alyoka alagira bakabona, bazzukulu ba Alooni okubiweerayo
ku kyoto kya Mukama.
22 Awo ne batta ente ennume, bakabona ne baddira omusaayi ne bagu-
mansira ku kyoto, oluvannyuma ne batta endiga ennume ne bamansira
omusaayi gwazo ku kyoto, n'oluvannyuma ne batta n'endiga ento ne
bamansira omusaayi gwazo ku kyoto.
23 Embuzi ennume ezaali ez'ekiweebwayo ku lw'ekibi ne zireetebwa mu
maaso ga kabaka n'ekibiina, ne bazisaako emikono gyabwe,
24 n'oluvannyuma bakabona ne bazitta, ne bawaayo omusaayi gwazo
ng'ekiweebwayo olw'ekibi ku kyoto, okutangiririra Isirayiri yenna,
kubanga kabaka yali alagidde okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa
n'ekiweebwayo olw'ekibi ku lwa Isirayiri yenna.
25 N'ateeka Abaleevi mu yeekaalu ya Mukama nga balina ebitaasa,
entongooli, n'ennanga, ng'ekiragiro kya Dawudi, ne Gaadi omulabi wa

kabaka ne Nasani nnabbi bwe kyali; kubanga ekiragiro ekyo kyava eri MUKAMA ng'ayita mu bannabbi be.

26 Awo Abaleevi ne bayimirira nga bakutte ebivuga bya Dawudi, ne bakabona nga bakutte amakondeere.

27 Keezeekiya n'alagira okuwaayo ssaddaaka ey'ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto. Era okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa bwe kwatandika, abayimbi nabo ne batandika okuyimbira MUKAMA, n'amakondeere n'ebivuga ebirala ebya Dawudi kabaka wa Isirayiri nabyo ne bivuga.

28 Ekibiina kyonna ne basinza, abayimbi ne bayimba, n'abamakondeere ne bagafuuwa, era ebyo byonna ne byongerwa okukolebwa okutuusa okuwaayo ssaddaaka ey'ekiweebwayo ekyokebwa bwe kwaggwa.

29 Awo okuwaayo ebiweebwayo bwe kwaggwa, kabaka n'abo bonna abaaliwo ne bavuunama ne basinza.

30 Kabaka Keezeekiya n'abakungu ne balagira Abaleevi okuyimba nga batendereza MUKAMA mu bigambo bya Dawudi n'ebya Asafu omulabi. Ne bayimba nga batendereza n'essanyu, ne bavuunama ne basinza.

31 Awo Keezeekiya n'ayogera nti, "Kaakano mwetukuzizza eri MUKAMA, musembere, muleete ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokwebaza mu yeekaalu ya MUKAMA." Ekibiina ne kireeta ssaddaaka n'ebiweebwayo eby'okwebaza, n'abo bonna abeesiimira ne baleeta ebiweebwayo ebyokebwa.

32 Omuwendo gw'ebiweebwayo ebyokebwa ekibiina gwe kyaleeta gwali ente ennume nsanvu, n'endiga ennume kikumi, n'endiga ento nga nnume ebikumi bibiri, ng'ebyo byonna bye byali ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA.

33 N'ensolo ezatukuzibwa okuba ssaddaaka zaali ente ennume lukaaga, n'endiga enkumi ssatu.

34 Wabula bakabona ne baba batono ne batayinza kubaaga biweebwayo ebyokebwa byonna, baganda baabwe Abaleevi ne babayambako okutuusa bakabona abalala bwe beetukuza; omulimu ne guggwa, kubanga Abaleevi baali beegendereza nnyo mu kwetukuza okusinga bakabona.

35 Ebiweebwayo ebyokebwa bingi, wamu n'amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe, n'ebiweebwayo ebyokunywa ebyawerekerezebwa ku biweebwayo ebyokebwa.

Okuweereza mu yeekaalu ya MUKAMA ne kuzzibwawo.

36 Awo Keezeekiya n'abantu bonna ne bajaguza olw'ekyo Katonda kye yali akoledde abantu be mu bbanga ettono ennyo.

# 30

### *Keezeekiya Atukuza Embaga ey'Okuyitako*

1 Awo Keezeekiya n'aweereza obubaka eri Isirayiri yonna ne Yuda, n'awandiikira ne Efulayimu ne Manase amabaluwa, ng'abayita okujja e Yerusaalemi mu yeekaalu ya MUKAMA, okukwata Embaga ey'Okuyitako eya MUKAMA Katonda wa Isirayiri.

2 Kabaka n'abakungu be, n'ekibiina kyonna mu Yerusaalemi baasalawo okukwata Embaga ey'Okuyitako mu mwezi ogwokubiri;

3 baali tebasobola kukwata mbaga eyo mu kiseera kyayo kubanga bakabona abaali beetukuzizza, baali batono ate nga n'abantu tebanakuŋŋaanira mu Yerusaalemi.

4 Enteekateeka eyo n'erabika nga nnungi eri kabaka n'ekibiina kyonna.

5 Ne basalawo okulangirira mu Isirayiri yenna, okuva e Beeruseba okutuuka e Ddaani, nga bategeeza abantu okujja e Yerusaalemi okukwata Embaga ey'Okuyitako eya MUKAMA Katonda wa Isirayiri; baali batutte ebbanga nga tebagikwata ng'ekibiina ekinene eky'awamu, nga bwe kyawandiikibwa.

6 Awo ababaka ne batwala amabaluwa mu Isirayiri yonna ne mu Yuda okuva ewa kabaka n'abakungu be, ng'ekiragiro kya kabaka bwe kyali nti,

"Abantu ba Isirayiri, mudde eri MUKAMA Katonda wa Ibulayimu, ne Isaaka, ne Isirayiri, Katonda alyoke adde gye muli, mmwe ekitundu ekisigaddewo, ekiwonye omukono gwa bakabaka b'e Bwasuli.

7 Temuba nga bajjajjammwe ne baganda bammwe abataali beesigwa eri MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe n'abafuula ekyelolerwa, nga bwe mulaba.

8 So temuba ba nsingo nkakanyavu nga bajjajjammwe bwe baali, naye mukkakkane eri MUKAMA, mujje mu watukuvu we, we yatukuza emirembe gyonna, muweereze MUKAMA Katonda wammwe, obusungu bwe bubaveeko.

9 Bwe munadda eri MUKAMA, olwo ne baganda bammwe n'abaana bammwe banaalaba ekisa mu maaso g'abo abaabawamba, ne bakomawo mu nsi eno. MUKAMA Katonda wammwe wa kisa era ajjudde okusaasira, so taakyuse maaso ge, okubavaako bwe munadda gyali."

10 Ababaka ne bagenda mu buli kibuga mu nsi ya Efulayimu ne Manase, ne batuuka ne mu Zebbulooni, naye abasinga obungi ne babasekerera, ne babaduulira.

11 Kyokka abamu ku bantu ab'e Aseri, ne Manase ne Zebbulooni ne beetoowaza ne bagenda e Yerusaalemi.

12 Ne mu Yuda, omukono gwa Katonda ne gukwata ku bantu ne bakkiriziganya ku ekyo kabaka n'abakungu kye baalagira, nga bagoberera ekigambo kya MUKAMA.

13 Awo abantu bangi ne bakuŋŋaanira mu Yerusaalemi mu mwezi ogwokubiri okukwata Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse.

14 Ne baggyawo ebyoto ebyali mu Yerusaalemi, n'ebyoto byonna eby'okwoterezaako obubaane, ne babisuula mu Kiwonvu Kidulooni.

15 Ne batta Endiga Ento ey'Embaga ey'Okuyitako ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi ogwokubiri. Bakabona n'Abaleevi ne baswala, ne beetukuza, ne baleeta ebiweebwayo ebyokebwa mu yeekaalu ya MUKAMA.

16 Ne bayimirira mu bifo byabwe ng'etteeka lya Musa omusajja wa Katonda bwe lyali libalagira. Bakabona ne bamansira omusaayi ogwabaweerezebwa Abaleevi.

17 Bangi ku bo, baali tebeetukuzizza nga tebasobola kuwaayo ndiga zaabwe; Abaleevi kyebaava battira buli muntu ataali mulongoofu Endiga Ento ey'Embaga ey'Okuyitako, okubatukuza eri MUKAMA.

18 Newaakubadde ng'abantu abasinga abaava mu Efulayimu, ne Manase, ne Isakaali, ne Zebbulooni baali tebeetukuzizza, baalya Embaga ey'Okuyitako, ekyali tekikkiriziganya na biwandiike. Naye Keezeekiya n'abasabira ng'agamba nti, "MUKAMA omulungi asonyiwe buli muntu

19 amaliridde mu mutima gwe okunoonya Katonda, MUKAMA Katonda wa bajjajjaabe, newaakubadde nga tabadde mulongoofu okusinziira ku mateeka g'awatukuvu."

20 MUKAMA n'awulira okusaba kwa Keezeekiya, n'atabazikiriza.

21 Abayisirayiri abaali mu Yerusaalemi ne bakwata Embaga ey'Emigaati
Egitali Mizimbulukuse okumala ennaku musanvu nga bajjudde essanyu

lingi; Abaleevi ne bakabona ne batenderezanga MUKAMA buli lunaku, nga
bakuba n'ebivuga eby'okumutendereza.
22 Keezeekiya n'ayogera ebigambo eby'okugumya Abaleevi bonna
abaalaga nga bategeera obuweereza bwa MUKAMA. Abantu ne balya
emmere ey'embaga okumala ennaku musanvu, ne bawaayo ssaddaaka
ez'ebiweebwayo olw'emirembe, ne batendereza MUKAMA Katonda wa
bajjajjaabwe.
23 Ekibiina kyonna ne bakkiriziganya okweyongerayo ennaku endala
musanvu nga bali ku mbaga; bwe batyo ne bamala ennaku endala
musanvu nga bajaguza.
24 Keezeekiya kabaka wa Yuda n'awa ekibiina ente ennume nga nto
lukumi n'endiga kasanvu okuba ebiweebwayo, ne bakabona bangi nnyo
ne beetukuza.
25 Ekibiina kyonna ekya Yuda, ne bakabona, n'Abaleevi, n'ekibiina
kyonna ekyava mu Isirayiri, n'abagenyi abaali bavudde mu nsi ya Isirayiri,
n'abagenyi abaabeeranga mu Yuda ne bajaguliza wamu.
26 Ne waba essanyu lingi mu Yerusaalemi kubanga okuva mu biro bya
Sulemaani mutabani wa Dawudi kabaka wa Isirayiri, waali tewabangawo
kintu kifaanana bwe kityo mu Yerusaalemi.
27 Awo bakabona n'Abaleevi ne bayimirira ne basabira abantu omukisa,
Katonda n'abawulira; kubanga okusaba kwabwe kwatuuka mu kifo kye
ekitukuvu gy'abeera, mu ggulu.

# 31

1 Ebyo byonna bwe byaggwa, Abayisirayiri bonna abaaliyo ne bagenda
mu bibuga bya Yuda, ne baasaayasa amayinja agaasinzibwanga, ne
bamenyaamenya n'empagi za Baasera. Ne basaanyizaawo ddala ebifo
ebigulumivu n'ebyoto ebyali mu Yuda, ne mu Benyamini, ne mu Efu-
layimu ne mu Manase. Awo Abayisirayiri bwe baamala okubisaanyaawo
byonna, ne baddayo mu bibuga byabwe, ku butaka bwabwe.

*Ebirabo eby'Okusinza*

2 Keezeekiya n'addira bakabona n'Abaleevi n'abassa mu bibinja, buli
omu ng'obuweereza bwe bwali, oba kabona oba muleevi, okuwangayo
ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe okuweerezanga,
n'okwebazanga, n'okutenderezanga ku nzigi eza yeekaalu ya MUKAMA.
3 Kabaka n'awaayo ku byobugagga bwe ebiweebwayo ebyokebwa
eby'enkya n'eby'akawungeezi, n'ebiweebwayo ebyokebwa ebya ssabbiiti,
n'eby'emyezi egyakaboneka, n'assaawo n'embaga ezaalagirwa nga bwe
kyawandiikibwa mu tteeka lya MUKAMA.
4 N'alagira abantu abaabeeranga mu Yerusaalemi okuwangayo omugabo
nga bwe kyali kibagwanira eri bakabona n'Abaleevi, nabo beeweerengayo
ddala nga bwe kyalagirwa mu tteeka lya MUKAMA.
5 Awo ekiragiro ekyo bwe kyabuna wonna, amangwago Abayisirayiri
ne bawaayo ku bibala byabwe ebibereberye bingi eby'eŋŋaano, n'ebya
wayini omusu, n'eby'amafuta, n'eby'omubisi gw'enjuki ne ku ebyo
byonna ebyava mu nnimiro. Ne baleeta bingi nnyo, ekitundu eky'ekkumi
ku buli kintu.
6 Abantu ba Isirayiri ne Yuda abaabeeranga mu bibuga bya Yuda,
nabo ne baleeta ekimu eky'ekkumi ku nte n'endiga, n'ekimu eky'ekkumi
eky'ebintu ebyatukuzibwa ebyayawulirwa MUKAMA Katonda waabwe, ne
babituuma entuumo.

7 Baatandika okutuuma ebintu ebyo entuumo mu mwezi ogwokusatu ne
bamaliriza mu mwezi ogw'omusanvu.
8 Awo Keezeekiya n'abakungu be, bwe bajja ne balaba entuumo ne
beebaza MUKAMA, ne basabira n'abantu be, Isirayiri, omukisa.
9 Keezeekiya n'abuuza bakabona n'Abaleevi ebikwata ku ntuumu.
10 Azaliya kabona asinga obukulu ow'omu nnyumba ya Zadooki
n'amuddamu nti, "Okuva abantu lwe baatandika okuleeta ebirabo byabwe
mu yeekaalu ya MUKAMA, tubadde n'ebyokulya ebiwera n'ebirala ne
bifikkawo, kubanga MUKAMA awadde abantu be omukisa, n'ebifisseewo
bye bino obungi."
11 Awo Keezeekiya n'alagira bateeketeeke amaterekero mu yeekaalu ya
MUKAMA, ne bagateekateeka.
12 Ne balyoka baleeta ebirabo, ebintu eby'ekimu eky'ekkumi, n'ebintu
ebyatukuzibwa. Konaniya Omuleevi ye yavunaanyizibwanga ebintu ebyo,
ate nga Simeeyi muganda we ye mumyuka we.
13 Yekyeri, ne Azaziya, ne Nakasi, ne Asakeri, ne Yerimosi, Yozabadi,
ne Eryeri, ne Isumakiya, ne Makasi ne Benaya be baabayambangako.
Konaniya ne Simeeyi muganda we, baalondebwa Kabaka Keezeekiya ne
Azaliya omukungu omukulu eyavunaanyizibwanga yeekaalu ya Katonda.
14 Kole mutabani wa Imuna Omuleevi, omuggazi w'omulyango
ogw'ebuvanjuba, ye yavunaanyizibwanga ebyo bye baawangayo eri
Katonda ku bwabwe awatali kuwalirizibwa, ng'agabanyamu ebyatoneb-
wanga eri MUKAMA, n'ebirabo ebyayawulibwanga.
15 Edene, ne Miniyamini, ne Yesuwa, ne Semaaya, ne Amaliya ne
Sekaniya, be baamuyambangako n'obwesigwa mu bibuga bya bakabona
okugabiranga bakabona bannaabwe ng'ebibinja byabwe bwe byali,
abakulu n'abato.
16 Ate era baagabiranga n'abalenzi ab'emyaka esatu n'okukirawo
abaali babalibbwa ng'okuzaalibwa kwe mbala bwe kwalinga, abo bonna
abayingiranga mu yeekaalu ya MUKAMA okutuukirizanga emirimu gyabwe
nga bwe kyabagwaniranga, mu bibinja byabwe.
17 Ne bagabiranga ne bakabona abaabalibwa ng'enzaalwa mu kubala
okw'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, n'Abaleevi abaali ab'emyaka
amakumi abiri n'okukirawo ne babagabira ng'eby'obuvunaanyizibwa
bwabwe mu bibinja byabwe bwe byali.
18 Omwo mwe mwali abaana abato, n'abakyala, ne batabani baabwe,
ne bawala baabwe ng'ebitundu byabwe bwe byali biwandiikiddwa mu
byafaayo eby'okuzaalibwa. Ne babeera beesigwa mu kwekuuma nga
batukuvu.
19 Bazzukulu ba Alooni, bakabona abaabeeranga ku ttaka okwalimib-
wanga, eryabanga ery'ebibuga byabwe, mu buli kibuga, buli musajja mu
bo yaweebwa omugabo, n'abo bonna abaali bawandiikiddwa mu byafaayo
eby'okuzaalibwa kw'Abaleevi, nabo ne bagabana.
20 Bw'atyo Keezeekiya bwe yakola ne mu Yuda yonna, n'akola ebirungi
era ebituufu n'obwesigwa mu maaso ga MUKAMA Katonda we.
21 Buli mulimu gwe yatandika mu buweereza mu yeekaalu ya Ka-
tonda, ng'agoberera amateeka n'ebiragiro, yanoonyanga Katonda we, era
n'akolanga n'omutima gwe gwonna, n'alaba omukisa.

# 32

*Sennakeribu Atiisatiisa Okulumba Yerusaalemi*

1 Oluvannyuma lw'ebyo byonna Keezeekiya bye yakola n'obwesigwa, Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'alumba Yuda, n'asiisira ebweru w'ebibuga ebiriko bbugwe, n'alowooza mu mutima gwe okubyetwalira.
2 Awo Keezeekiya bwe yalaba nga Sennakeribu azze, era ng'amaliridde okulwana ne Yerusaalemi,
3 n'ateesa n'abakungu be n'abasajja be abalwanyi abazira, ku ky'okuziba enzizi ezaali ebweru w'ekibuga, era ne bakikola.
4 Ekibiina kinene eky'abantu ne kikuŋŋaana, ne baziba enzizi zonna n'akagga akayita mu nsi, nga bagamba nti, "Lwaki bakabaka b'e Bwasuli bajja ne basanga amazzi amangi bwe gatyo?"
5 N'afuba nnyo n'addaabiriza ebitundu byonna ebya bbugwe ebyali bimenyese, n'azimba n'eminaala ku bbugwe, n'anyweza n'ebigulumu ebyanywezanga ekibuga kya Dawudi. N'akozesa n'ebyokulwanyisa bingi n'engabo nnyingi.

6 N'alonda abaduumizi b'eggye okukulembera abantu, ne babakuŋŋaanyiza gy'ali mu kifo ekigazi awali wankaaki w'ekibuga; n'abagumya ng'agamba nti,
7 "Mube n'amaanyi, mugume omwoyo. Temutya so temwelariikirira olwa kabaka w'e Bwasuli n'eggye lye eddene, kubanga waliwo eggye eririsinga eriri awamu naffe.
8 Sennakeribu akozesa omukono ogw'omubiri, naye ffe tulina MUKAMA Katonda waffe atulwanirira mu ntalo zaffe." Abantu ne baguma omwoyo olw'ebigambo Keezeekiya kabaka wa Yuda bye yayogera.

9 Awo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'eggye lye lyonna bwe baali bakyali e Lakisi kye baali bazingizza, n'atuma abakungu be e Yerusaalemi eri Keezeekiya kabaka wa Yuda, n'eri abantu bonna aba Yuda abaaliyo, ng'agamba nti,
10 "Bw'ati bw'ayogera Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli nti, 'Mwesiga ki okusigala mu Yerusaalemi nga kizingiziddwa?
11 Mulowooza nga Keezeekiya bw'ayogera nti, "MUKAMA Katonda waffe alitulokola mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli," abatalimba, n'okwagala okubassa enjala n'ennyonta?
12 Keezeekiya si ye yaggyawo ebifo ebigulumivu n'ebyoto, n'alagira Yuda ne Yerusaalemi ng'agamba nti, "Munaasinzizanga mu maaso g'ekyoto kimu, era okwo kwe munaayoterezanga obubaane"?
13 " 'Temumanyi, nze ne bajjajjange bye twakola amawanga gonna ag'omu nsi endala? Bakatonda abamawanga ago, baayinza okubawonya mu mukono gwange?
14 Ani ku bakatonda abamawanga ago bajjajjange ge baazikiriza, eyayinza okubalokola mu mukono gwange? Katonda wammwe anaabawonya atya mu mukono gwange?
15 Kale nno, Keezeekiya aleme kubalimbalimba newaakubadde okubasendasenda mu nsonga eyo. Temumukkiriza, kubanga tewali katonda ow'eggwanga lyonna oba bwakabaka, eyayinza okulokola abantu be mu mukono gwange newaakubadde eyayinza okubalokola mu mukono gwa bajjajjange. Kale Katonda wammwe alibawonya atya mu mukono gwange?' "

16 Abakungu ba Sennakeribu ne boogera bingi nnyo n'okusingawo ku MUKAMA Katonda ne ku muddu we Keezeekiya.
17 Kabaka oyo n'awandiika n'amabaluwa agavuma MUKAMA Katonda wa Isirayiri, ng'agamba nti, "Nga bakatonda abamawanga ag'ensi bwe

bataabawonya mu mukono gwange, bw'atyo ne Katonda wa Keezeekiya bw'ataliwonya bantu be mu mukono gwange."

18 Ne bakoowoola abantu ba Yerusaalemi abaali ku bbugwe mu lw'Ebbulaniya, nga babatiisatiisa baggweemu amaanyi, balyoke bawambe ekibuga.

19 Ne boogera ku Katonda wa Yerusaalemi nga bwe baayogeranga ku bakatonda abamawanga amalala ag'omu nsi endala, abakolebwa abantu.

20 Awo Kabaka Keezeekiya ne nnabbi Isaaya mutabani wa Amozi ne basaba nga bakaabira eri eggulu ku nsonga eyo.

21 MUKAMA n'atuma malayika, n'atemaatema abasajja abalwanyi abazira ab'amaanyi bonna n'abaduumizi, n'abakungu mu nkambi ya kabaka w'e Bwasuli. Sennakeribu n'addayo mu nsi ye ng'ensonyi zimukutte. Bwe yayingira mu yeekaalu ya katonda we, abamu ku batabani be ne bamutta n'ekitala.

22 Awo MUKAMA n'alokola Keezeekiya n'abantu ba Yerusaalemi mu mukono gwa Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli ne mu mukono gw'abalabe baabwe bonna abalala. N'abaakuumanga enjuuyi zonna.

23 Bangi ne baleetera MUKAMA ebirabo e Yerusaalemi, ne Keezeekiya kabaka wa Yuda n'afuna ebirabo eby'omuwendo omungi. N'okuva ku lunaku olwo n'aweebwa ekitiibwa kinene mu mawanga gonna.

### *Amalala ga Keezeekiya, Obuwanguzi bwe, n'Okufa kwe*

24 Mu biro ebyo, Keezeekiya n'alwala nnyo kumpi n'okufa. N'asaba MUKAMA amuwonye, n'amuddamu n'akabonero.

25 Naye Keezeekiya n'ateebaza ebyekisa ekya mukolerwa, olw'amalala agaali mu ye. Obusungu bwa MUKAMA kyebwava bubuubuukira ku ye ne ku Yuda ne ku Yerusaalemi.

26 Oluvannyuma, Keezeekiya ne yeenenya amalala agaali mu ye, ku lulwe ne ku lw'abantu ab'omu Yerusaalemi, ekiruyi kya MUKAMA ne butababuubuukirako mu mirembe gya Keezeekiya.

27 Keezeekiya yalina eby'obugagga bingi nnyo n'ekitiibwa, ne yeezimbira n'amawanika ag'okukuumirangamu effeeza, ne zaabu, n'amayinja ag'omuwendo omungi, n'ebyakaloosa, n'engabo, n'ebintu eby'engeri zonna eby'omuwendo.

28 N'azimba n'amaterekero ag'eŋŋaano, ne wayini, n'amafuta; n'azimba n'ebiraalo eby'ebika by'ente byonna, n'ebifo eby'ebisibo by'endiga.

29 Ne yeezimbira ebibuga, ne yeefunira n'ebisibo n'amagana mangi, kubanga Katonda yali amuwadde eby'obugagga bingi nnyo nnyini.

30 Keezeekiya, ye yaziba oluzzi olwa waggulu olwa Gikoni, amazzi n'agaserengesa ku luuyi olw'ebugwanjuba olw'ekibuga kya Dawudi. N'alaba omukisa mu buli kye yakolanga.

31 Naye mu bigambo eby'ababaka abaatumibwa abakungu b'e Babulooni okumubuuza ku byamagero ebyakolebwa mu nsi ye, Katonda n'amugeza alyoke ategeere byonna ebyali mu mutima gwe.

32 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Keezeekiya, n'ebikolwa bye ebirungi eby'obunyiikivu, byawandiikibwa mu kwolesebwa kwa Isaaya nnabbi mutabani wa Amozi, mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne Isirayiri.

33 Keezeekiya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu masiro g'abazzukulu ba Dawudi, era Yuda yonna, n'abatuuze bonna aba Yerusaalemi ne bamukungubagira ne bamuwa ekitiibwa ne mu kufa kwe. Manase mutabani we n'amusikira.

# 33

*Manase Kabaka wa Yuda*

1 Manase yalya obwakabaka nga wa myaka kkumi n'ebiri, n'afugira
emyaka amakumi ataano mu etaano mu Yerusaalemi.
2 N'akola ebitaali bya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA, ng'agoberera
ebikolwa eby'ekivve eby'amawanga MUKAMA ge yagoba mu maaso
g'Abayisirayiri.
3 N'addaabiriza ebifo ebigulumivu kitaawe Keezeekiya bye yali ameny-
eemenye, n'azimbira ne Baali ebyoto, n'akola ne Baasera, n'asinza era
n'aweereza n'eggye lyonna ery'oku ggulu.
4 N'azimba ebyoto mu yeekaalu ya MUKAMA, MUKAMA gye yayogerako
nti, "Mu Yerusaalemi erinnya lyange mwe linaabeeranga emirembe
gyonna."
5 N'azimba ebyoto eby'okusinzizangako eggye lyonna ery'oku ggulu, mu
mpya zombi eza yeekaalu ya MUKAMA.
6 N'awaayo abaana be ng'ekiweebwayo, n'abookera mu kiwonvu ekya
mutabani wa Kinomu, n'akola eby'obufumu, n'alagulira mu bire, n'akola
eby'obulogo, n'agendanga n'eri abaliko emizimu ne ddayimooni. N'akola
ebitaali bya butuukirivu bingi mu maaso ga MUKAMA, n'asunguwaza nnyo
MUKAMA.
7 N'addira ekifaananyi ekyole kye yakola, n'akiteeka mu yeekaalu ya
Katonda, Katonda gye yayogerako eri Dawudi ne Sulemaani mutabani we
nti, "Mu yeekaalu eno ne mu Yerusaalemi muno, bye nalonda mu bika
byonna ebya Isirayiri, mwe munaabeeranga Erinnya lyange emirembe
gyonna.
8 Sijjululenga nate kigere kya Isirayiri okuva mu nsi gye nawa bajjaj-
jammwe, bwe baneekuumanga okukola bye mbalagidde, nga bagoberera
amateeka gonna, n'ebiragiro, n'obulombolombo bye nnawa Musa."
9 Naye Manase n'asendasenda Yuda n'abantu b'e Yerusaalemi okukola
ebitaali bya butuukirivu okusinga amawanga MUKAMA ge yazikiririza mu
maaso g'Abayisirayiri.
10 MUKAMA n'ayogera ne Manase n'abantu be, kyokka ne batassaayo
mwoyo.
11 MUKAMA kyeyava abasindikira abaduumizi b'eggye lya kabaka w'e
Bwasuli, ne basiba Manase mu njegere ne mu masamba, ne bateeka
eddobo mu nnyindo ye, ne bamutwala e Babulooni nga musibe.
12 Ng'ali eyo mu nnaku ye, ne yeegayirira MUKAMA Katonda we, ne
yeetoowaza nnyo mu maaso ga Katonda wa bajjajjaabe.
13 N'amusaba, MUKAMA n'awulira okwegayirira kwe, n'amukomyawo e
Yerusaalemi n'eri obwakabaka bwe. Awo Manase n'ategeera nga MUKAMA
ye Katonda.
14 Oluvannyuma lw'ebyo n'addaabiriza bbugwe ow'ebweru ow'ekibuga
kya Dawudi, ku luuyi olw'ebugwanjuba olwa Gikoni, mu kiwonvu,
okutuuka awayingirirwa mu Mulyango ogw'Ebyennyanja, n'okwetooloola
olusozi lwa Oferi, n'okumuzimba n'amuzimba ng'asingako bbugwe
eyaliwo obuwanvu. N'ateeka n'abaduumizi b'eggye mu bibuga byonna
ebiriko bbugwe mu Yuda.
15 N'aggyamu bakatonda abamawanga n'ekifaananyi ekyole mu
yeekaalu ya MUKAMA, n'ebyoto byonna bye yazimba ku kasozi ka yeekaalu
ne mu Yerusaalemi, n'abisuula ebweru w'ekibuga.

16 N'addaabiriza ekyoto kya MUKAMA, n'aweerayo ssaddaaka
ez'ebiweebwayo olw'emirembe n'ez'okwebaza, n'alagira Yuda
okuweerezanga MUKAMA Katonda wa Isirayiri.
17 Wabula abantu bo, ne beeyongera okuweerangayo ssaddaaka ku bifo
ebigulumivu, nga baziwaayo eri MUKAMA Katonda waabwe.
18 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo mu mirembe gya Manase, ng'omwo
mwe muli okusaba kwe eri MUKAMA n'ebigambo abalabi bye baa-
mutegeezanga mu linnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri, byawandi-
ikibwa mu bitabo eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isirayiri.
19 Okusaba kwe, n'okusaasira kwa Katonda gy'ali, n'ebibi bye,
n'obutali bwesigwa bwe, n'ebifo ebigulumivu bye yazimba, ne Baasera,
n'ebifaananyi ebyole bye yassaawo nga taneetoowaza, byonna byawandi-
ikibwa mu bitabo eby'omu mirembe gy'abalabi.
20 Manase ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu lubiri lwe,
Amoni mutabani we n'amusikira.

### *Amoni kabaka wa Yuda*

21 Amoni yali wa myaka amakumi abiri mu ebiri we yaliira obwakabaka.
22 N'akola ebitaali bya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA, nga Manase
kitaawe bwe yakola.
23 Naye obutafaanana nga kitaawe Manase, Amoni n'ayongera ekibi ku
kibi, n'ateetoowaza mu maaso ga MUKAMA.
24 Abakungu ba Amoni ne bamusalira olukwe ne bamuttira mu lubiri
lwe.
25 Naye Abantu ab'omu nsi ne batta abo bonna abasala olukwe okutta
kabaka Amoni; ne bafuula Yosiya mutabani we okuba kabaka mu kifo kye.

# 34

### *Enkyukakyuka Yosiya ze yaleeta*

1 Yosiya yali wa myaka munaana bwe yalya obwakabaka, era n'afugira
emyaka amakumi asatu mu gumu mu Yerusaalemi.
2 N'akola ebirungi mu maaso ga MUKAMA, n'atambulira mu makubo ga
Dawudi jjajjaawe, n'akwata ekkubo lya MUKAMA eggolokofu.
3 Mu mwaka ogw'omunaana ogw'okufuga kwe, ng'akyali muto,
n'atandika okunoonya Katonda wa Dawudi jjajjaawe, era mu mwaka
ogw'ekkumi n'ebiri n'atandika okuggya ebifo ebigulumivu, ne Baasera,
n'ebifaananyi ebyole, n'ebifaananyi ebisaanuuse mu Yuda ne mu
Yerusaalemi.
4 N'alagira bamenyeemenye ebyoto bya Baali, n'atemaatema
ebyoto kwe baayoterezanga obubaane ebyali waggulu waabyo,
n'amenyaamenya ne Baasera, n'ebifaananyi ebyole, n'ebifaananyi
ebisaanuuse; n'abisesebbula, enfuufu yaabyo n'agimansula ku malaalo
g'abo abaaweerangayo ssaddaaka.
5 N'ayokera amagumba ga bakabona abaakolanga eby'ebivve ebyo ku
byoto ebyo, n'atukuza Yuda ne Yerusaalemi.
6 Ne mu bibuga bya Manase, ne Efulayimu, ne Simyoni, okutuukira ddala
mu Nafutaali, ne mu matongo gaabyo okubyetooloola,
7 n'amenyaamenya ebyoto ne Baasera, n'asesebbula n'ebifaananyi
ebyole, n'atemaatema ebyoto byonna kwe baayokeranga obubaane mu
Isirayiri yonna, n'oluvannyuma n'addayo e Yerusaalemi.

8 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'okufuga kwe ng'amaze okulongoosa ensi ne yeekaalu, n'alonda Safani mutabani wa Azaliya, ne Maaseya omwami w'ekibuga, ne Yowa mutabani wa Yowakazi omujjukiza, okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA Katonda we.

9 Ne bagenda eri Kirukiya kabona asinga obukulu ne bawaayo ensimbi ezaaleetebwa mu yeekaalu ya Katonda, Abaleevi abaggazi ze baali basoloozezza mu bantu b'e Manase, ne Efulayimu, n'ekitundu kyonna ekyasigalawo, ne Yuda yonna, ne Benyamini, n'okuva eri abantu b'e Yerusaalemi.

10 Ne bazikwasa abakozi abaalondebwa okulabirira omulimu gwa yeekaalu ya MUKAMA. Abo be basajja abaasasulanga abakozi abaddaabirizanga n'okulongoosa yeekaalu.

11 Ababazzi n'abazimbi nabo ne baweebwa ensimbi okugula amayinja amawoole, n'embaawo ez'ebizimbe bakabaka ba Yuda bye baalagajjalira okuddaabiriza.

12 Abasajja ne bakola omulimu n'obwesigwa. Abaabalabiriranga baali: Yakasi ne Obadiya Abaleevi ab'omu kika kya Merali, ne Zekkaliya ne Mesullamu ab'omu kika ky'Abakokasi. Abaleevi bonna abaakubanga ebivuga

13 be baavunaanyizibwanga abapakasi, n'okulabirira abakozi bonna mu kuweereza okw'engeri zonna. Abamu ku Baleevi baali bawandiisi, n'abalala ng'abaami, n'abalala nga baggazi.

### *Ekitabo ky'Amateeka Kirabibwa*

14 Awo bwe baali bakuŋŋaanya ensimbi ze baggya mu yeekaalu ya MUKAMA, Kirukiya kabona, n'azuula ekitabo eky'amateeka ga MUKAMA agaaweebwa Musa.

15 Awo Kirukiya kabona n'agamba Safani omuwandiisi nti, "Nzudde ekitabo eky'amateeka mu yeekaalu ya MUKAMA." N'akiwa Safani.

16 Safani n'akitwalira kabaka, n'amutegeeza ne ku by'omulimu ng'agamba nti, "Byonna abaddu bo bye baalagirwa babikola.

17 Ensimbi ezaali mu yeekaalu ya MUKAMA ziweereddwa abalabirira n'abakozi."

18 Safani omuwandiisi n'ategeeza kabaka nti, "Kirukiya kabona ampadde ekitabo." Awo Safani n'akisomera kabaka.

19 Kabaka bwe yawulira ebigambo by'amateeka, n'ayuza ebyambalo bye.

20 N'alagira Kirukiya ne Akikamu mutabani wa Safani, ne Abudoni mutabani wa Mikka, ne Safani omuwandiisi, ne Asaya omuddu wa kabaka, ng'ayogera nti,

21 "Mugende mumbulize ku MUKAMA, nze n'abasigadde mu Isirayiri ne mu Yuda, ku bikwata ku bigambo eby'omu kitabo ekizuuliddwa, kubanga obusungu bwa MUKAMA bungi nnyo nnyini era butubuubuukirako olwa bajjajjaffe abataagoberera kigambo kya MUKAMA okukikola nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kino."

22 Awo Kirukiya n'abo kabaka be yali atumye ne bagenda eri Kuluda nnabbi omukazi, muka Sallumu mutabani wa Tokasi muzzukulu wa Kasula omuwanika w'ebyambalo. Yabeeranga mu Yerusaalemi mu kitundu ekyokubiri.

23 N'abagamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, 'Mutegeeze omusajja abatumye nti,

24 bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Laba ndireeta ku kifo kino ne ku
bantu baamu akabi, n'ebikolimo byonna ebyawandiikibwa mu kitabo,
ekyasomeddwa mu maaso ga kabaka wa Yuda.
25 Kubanga banvuddeko ne bookera bakatonda abalala obubaane, era
bansunguwazizza n'emirimu gyonna egy'emikono gyabwe. Kyennaava
mbasunguwalira ne wataba n'omu akkakkanya busungu bwange." '
26 Naye mugambe kabaka wa Yuda eyabatumye okujja okwebuuza ku
MUKAMA nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti,
27 "Kubanga omutima gwo gubadde mumenyefu ne weetoowaza mu
maaso ga Katonda, bwe wawulidde ebigambo bye, ebikwata ku kifo
kino n'abo abakibeeramu, ne weetoowaza mu maaso gange, n'oyuza
ebyambalo byo, n'okaabira mu maaso gange, nkuwulidde.
28 Laba, ndikukuŋŋaanyiza eri bajjajjaabo, n'ofa mirembe, era amaaso
go tegalirega ku kabi ke ndireeta ku kifo kino ne ku bantu baamu." ' "

Ne bazaayo obubaka eri kabaka.

29 Awo kabaka n'akuŋŋaanya abakadde bonna aba Yuda n'ab'omu
Yerusaalemi.
30 N'ayambuka mu yeekaalu ya MUKAMA, n'abantu bonna aba Yuda,
n'abantu b'e Yerusaalemi, ne bakabona, n'abaleevi, n'abantu bonna
ab'ekitiibwa n'abatali ba kitiibwa. N'asoma ebigambo byonna eby'omu
kitabo eky'endagaano, ekyazuulibwa mu yeekaalu ya MUKAMA.
31 Kabaka n'ayimirira mu kifo kye, ne yeeyama mu maaso ga MUKAMA,
okutambuliranga mu mpya za MUKAMA n'okukwatanga amateeka ge,
n'ebyo bye yategeeza, n'ebiragiro bye, n'omutima gwe gwonna n'omwoyo
gwe gwonna, okutuukirizanga ebigambo ebyawandiikibwa mu kitabo.
32 Oluvannyuma n'alagira bonna abaali mu Yerusaalemi ne mu
Benyamini okweyama. Abatuuze b'omu Yerusaalemi ne bakola
ng'endagaano ya Katonda, Katonda wa bajjajjaabwe bw'egamba.
33 Yosiya n'aggya eby'emizizo byonna ku butaka bwonna
obw'Abayisirayiri, n'alagira bonna abaali mu Isirayiri okuweerezanga
MUKAMA Katonda waabwe. Mu kufuga kwe kwonna, tebaava ku MUKAMA
Katonda wa bajjajjaabwe.

# 35

### *Yosiya Akwata Embaga ey'Embaga ey'Okuyitako*

1 Awo Yosiya n'akwata Embaga ey'Okuyitako mu Yerusaalemi, era
ne batta omwana gw'endiga, ogw'Embaga ey'Okuyitako ku lunaku
olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi ogw'olubereberye.
2 N'alonda bakabona mu bifo eby'obuvunaanyizibwa bwabwe,
n'abakuutira mu kuweereza kwabwe mu yeekaalu ya MUKAMA.
3 N'agamba Abaleevi abaayigirizanga Isirayiri yenna, era abaali aba-
wonge eri MUKAMA nti, "Muteeke essanduuko entukuvu mu yeekaalu ya
Sulemaani mutabani wa Dawudi, kabaka wa Isirayiri, gye yazimba. Si
yaakwetikkanga ku bibegabega byammwe. Kaakano muweereze MUKAMA
Katonda wammwe n'abantu be Isirayiri,
4 mweteeketeeke ng'ennyumba za bajjajjammwe bwe ziri mu masiga
gammwe, nga mugoberera ebiragiro Dawudi kabaka wa Isirayiri ne
Sulemaani mutabani we bye yawandiika.
5 "Muyimirire awatukuvu mu bibinja eby'Abaleevi eby'ennyumba za
bajjajjammwe eza baganda bammwe abantu abaabulijjo.

6 Mutte ennyana n'abaana b'endiga ab'Embaga ey'Okuyitako, mwe-
tukuze, muteekereteekere baganda bammwe, nga mugoberera ebyo
MUKAMA bye yalagira ng'ayita mu Musa."
7 Yosiya n'agabira abantu abaabulijjo bonna abaaliwo endiga n'embuzi
emitwalo esatu okuba ebiweebwayo olw'Embaga ey'Okuyitako, n'ente
enkumi ssatu okuva mu byobugagga bwe.
8 Abakungu be nabo, ku bwabwe ne bagabira abantu ne bakabona
n'abaleevi ebintu. Kirukiya, ne Zekkaliya ne Yekyeri abaddukanyanga
emirimu gya yeekaalu ya MUKAMA ne bawa bakabona abaana b'endiga
n'ab'embuzi enkumi bbiri mu lukaaga, n'ente ebikumi bisatu.
9 Konaniya, ne Semaaya ne Nesaneri, baganda be, ne Kasabiya ne Yeyeri
ne Yozabadi, abakulu b'Abaleevi, nabo ne bawa Abaleevi abaana b'endiga
n'ente enkumi ttaano nga by'ebiweebwayo eby'Embaga ey'Okuyitako.
10 Ne bateekateeka eby'okusinza, bakabona ne bayimirira mu bifo
byabwe n'Abaleevi mu bibinja byabwe nga kabaka bwe yalagira.
11 Ne batta abaana b'endiga ab'Embaga ey'Okuyitako, bakabona ne ba-
mansira omusaayi gwe baggyanga mu bisolo, Abaleevi bye baabaaganga.
12 Ne baawuula ebiweebwayo ebyokebwa balyoke babigabire abantu
abaabulijjo mu bibinja byabwe mu nnyumba za bajjajjaabwe, babiweeyo
eri MUKAMA, nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kya Musa. Bwe batyo
bwe baakola n'ente.
13 Ne bookya ensolo ez'Embaga ey'Okuyitako mu muliro nga bwe
kyawandiikibwa, ne bafumba ebiweebwayo ebitukuvu mu ntamu, ne mu
sefuliya ne mu nsaka, n'oluvannyuma ne babigabira mangu buli muntu
owabulijjo.
14 Oluvannyuma lw'ebyo Abaleevi ne bakabona ne beeteekerateekera
bo ne bakabona kubanga bakabona bazzukulu ba Alooni tebaalina bbanga
olw'omulimu ogw'okuwaayo ebiweebwayo n'amasavu gwe baakola okuz-
ibya obudde. Abaleevi kyebaava beeteekerateekera bo ne bakabona
batabani ba Alooni.
15 N'abayimbi bazzukulu ba Asafu baali mu bifo byabwe nga Dawudi,
ne Asafu, ne Kemani ne Yedusuni, omulabi wa kabaka, bwe baalagira.
N'abaggazi baali ku buli luggi, nga tebava ku kuweereza kwabwe, kubanga
baganda baabwe Abaleevi baababateekerateekera.
16 Bwe kutyo okuweereza kwonna okw'Embaga ey'Okuyitako
n'okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto kya MUKAMA bwe kwali,
Kabaka Yosiya kwe yalagira.
17 Abayisirayiri abaaliwo mu kiseera ekyo, ne bakwata Embaga
ey'Okuyitako, ne bafumba n'embaga ey'Emigaati egitali mizimbulukuse,
okumala ennaku musanvu.
18 Waali tewabangawo Mbaga ya Kuyitako ng'eyo mu Isirayiri okuva
mu nnaku za Samwiri nnabbi, nga eyaliwo mu kiseera kya Yosiya, ne
bakabona n'Abaleevi, ne Yuda yonna ne Isirayiri abaaliwo, n'abatuuze
ba Yerusaalemi.
19 Embaga ey'Okuyitako eyo yakwatibwa mu mwaka gwa kkumi na
munaana ogw'okufuga kwa Yosiya.

### *Okufa kwa Yosiya*

20 Oluvannyuma lw'ebyo byonna, Yosiya ng'amaze okuteekateeka
yeekaalu, Neeko kabaka w'e Misiri n'atabaala Kalukemisi ku mugga
Fulaati, ne Yosiya n'agenda amutabaale.
21 Naye Neeko n'amutumira ababaka ng'amugamba nti, "Onvunaana
ki gwe kabaka wa Yuda? Sitabaala gwe leero, wabula Kalukemisi ggwe

nnwana naye, kubanga Katonda andagidde okwanguwa. Noolwekyo toziyiza Katonda, kubanga ali wamu nange. Bw'otoobeerwe anaakuzikiriza."

22 Naye Yosiya n'atamuwuliriza, ne yeebulizabuliza mu ggye n'agenda okumutabaala. N'atawuliriza bigambo bya Neeko ebyava eri Katonda, naye n'agenda okumulwanyisa mu lusenyi lwa Megiddo.

23 Abalasi ne balasa kabaka Yosiya n'agamba abaserikale be nti, "Munziggyeewo kubanga nfumitiddwa nnyo."

24 Awo ne bamuggya mu ggaali lye ne bamuteeka mu ggaali eddala lye yalina, ne bamuleeta e Yerusaalemi, era eyo gye yafiira. N'aziikibwa mu masiro ga bajjajjaabe. Yuda yonna ne Yerusaalemi ne bamukungubagira.

25 Yeremiya n'ayiiya ennyimba ez'okukungubagira Yosiya, era ne leero abayimbi bonna abasajja n'abakazi bayimba nga bamujjukira mu nnyimba ez'okukungubaga. Ennyimba ezo zaafuuka kijjukizo mu Isirayiri era zawandiikibwa mu kungubaga.

26 Ebyafaayo ebirala ebyaliwo mu mirembe gya Yosiya, n'ebikolwa bye ebirungi, nga bwe byawandiikibwa mu tteeka lya Mukama,

27 ne byonna okuva ku ntandikwa ye okutuuka ku nkomerero ye, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isirayiri ne Yuda.

# 36

1 Awo abantu b'ensi eyo ne balonda Yekoyakaazi mutabani wa Yosiya, n'asikira kitaawe mu Yerusaalemi.

### *Yekoyakaazi Kabaka wa Yuda*

2 Yekoyakaazi yali wa myaka amakumi abiri mu esatu bwe yalya obwakabaka, n'afugira mu Yerusaalemi emyezi esatu.

3 Kabaka w'e Misiri yamugoba ku ntebe ey'obwakabaka mu Yerusaalemi, n'asalira Yuda obusuulu obwa ttani ssatu n'obutundu buna obwa ffeeza ne kilo amakumi asatu mu nnya eza zaabu.

4 Kabaka w'e Misiri n'afuula Eriyakimu muganda wa Yekoyakaazi okuba kabaka wa Yuda ne Yerusaalemi, n'akyusa n'erinnya lye, n'amutuuma Yekoyakimu, naye n'atwala Yekoyakaazi muganda we nga musibe e Misiri.

### *Yekoyakimu Kabaka wa Yuda*

5 Yekoyakimu yali wa myaka amakumi abiri mu etaano bwe yalya obwakabaka, n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusaalemi. N'akola ebitali bya butuukirivu mu maaso ga Mukama Katonda we.

6 Awo lumu Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'amulumba, n'amusiba mu masamba, n'amutwala e Babulooni.

7 Nebukadduneeza n'atwala n'ebintu ebyali mu yeekaalu ya Mukama e Babulooni, n'abiteeka mu ssabo lye.

8 Ebyafaayo ebirala ebyabaawo ku mulembe gwa Yekoyakimu, eby'ekivve bye yakola, ne byonna bye yavunaanibwa, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isirayiri ne Yuda. Yekoyakini mutabani we n'amusikira.

### *Yekoyakini Kabaka wa Yuda*

9 Yekoyakini yali wa myaka munaana bwe yalya obwakabaka, n'afugira emyezi esatu n'ennaku kkumi mu Yerusaalemi. N'akola ebitali bya butuukirivu mu maaso ga Mukama.

10 Awo omwaka bwe gwali nga gunaatera okuggwaako, kabaka Nebukadduneeza n'amutumya, n'aleetebwa e Babulooni n'ebintu byonna

eby'omuwendo okuva mu yeekaalu ya MUKAMA. Nebukadduneeza
n'afuula Zeddekiya kitaawe omuto okuba kabaka wa Yuda ne Yerusaalemi.
11 Zeddekiya yali wa myaka amakumi abiri mu gumu bwe yalya
obwakabaka, n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusaalemi.
12 N'akola ebitali bya butuukirivu mu maaso ga MUKAMA Katonda we,
n'ateetoowaza mu maaso ga nnabbi Yeremiya, eyayogeranga ekigambo
kya MUKAMA.
13 N'ajeemera ne kabaka Nebukadduneeza eyamulayiza mu maaso ga
Katonda. N'akakanyaza ensingo ye n'omutima gwe, n'atakyuka kudda eri
MUKAMA Katonda wa Isirayiri.
14 Ate ne bakabona abakulu bonna n'abantu, ne bataba beesigwa ne
bagoberera eby'obukaafiiri eby'amawanga amalala, ne bagwagwawaza
yeekaalu ya MUKAMA, gye yali atukuzizza mu Yerusaalemi.

### *Okugwa kwa Yerusaalemi*

15 Awo MUKAMA Katonda wa bajjajjaabwe n'ayogera nabo ng'ayita mu
babaka be, ng'asaasira abantu be n'ekifo mu abeera.
16 Naye ne baduuliranga ababaka ba Katonda, ne banyoomanga
n'ebigambo bye, ne basekereranga bannabbi be, okutuusa obusungu bwa
Katonda bwe bwabuubuukira ku bantu be awatali kubasaasira.
17 Kyeyava aweereza kabaka w'Abakaludaaya okubalumba, n'atta
n'ekitala abavubuka baabwe mu nnyumba awasinzizibwa, n'atalekaawo
muvubuka n'omu newaakubadde abawala abato, newaakubadde abasajja
abakulu wadde abakadde ennyo. Bonna Katonda yabawaayo mu mukono
gwa Nebukadduneeza.
18 Ne yeetikka ebintu ebinene n'ebitono byonna okuva mu yeekaalu ya
Katonda, n'eby'obugagga eby'omu yeekaalu ya MUKAMA, n'amawanika ga
kabaka n'abakungu be.
19 Ne bookya yeekaalu ya Katonda ne bamenyaamenya ne bbugwe
wa Yerusaalemi, ne bookya n'embiri zonna, ne bazikiriza n'ebintu
eby'omuwendo byonna.
20 N'abo abaawona ekitala, n'abatwala mu buwaŋŋanguse e Babu-
looni, ne babeera baddu be n'aba batabani be okutuusa ku kufuga
kw'obwakabaka bw'Obuperusi.
21 Ensi n'ekuuma ssabbiiti zaayo, ekiseera kyonna kye yamala mu
kubonaabona kwayo okutuusa emyaka ensanvu bwe gyagwako, ng'ekyo
kituukiriza ekigambo MUKAMA kye yayogera mu Yeremiya.
22 Mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka wa Buperusi,
MUKAMA n'akoma ku mutima gwa Kuulo kabaka wa Buperusi ng'ekigambo
MUKAMA kye yayogerera mu Yeremiya bwe kyali, okulangirira mu
bwakabaka bwe bwonna, n'okuwandiika nti,
23 "Bw'atyo bw'ayogera Kuulo kabaka wa Buperusi nti,
" 'MUKAMA Katonda w'eggulu ampadde obwakabaka bwonna
obw'omu nsi, era annonze okumuzimbira yeekaalu e Yerusaalemi
mu Yuda. Bwe wabaawo omuntu yenna mu mmwe ow'oku bantu be,
MUKAMA Katonda abeere naye, ayambuke.' "

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ezera

*Kuulo Ayamba Abawaŋŋanguse okuddayo*

1 Awo mu mwaka ogw'olubereberye ogw'obufuzi bwa Kuulo kabaka wa
Buperusi, ekigambo MUKAMA kye yayogerera mu Yeremiya ne kituukirira,
MUKAMA n'akoma ku mutima gwa Kuulo kabaka w'e Buperusi okulan-
girira mu bwakabaka bwe bwonna, n'okukiteeka mu buwandiike nti,

2 "Bw'ati bw'ayogera Kuulo* kabaka w'e Buperusi nti,
" 'Obwakabaka bwonna obw'omu nsi MUKAMA Katonda w'eggulu
abumpadde, era annonze okumuzimbira yeekaalu e Yerusaalemi mu
Yuda.
3 Omuntu yenna mu mmwe abantu be, Katonda we abeere naye,
agende e Yerusaalemi mu Yuda addaabirize yeekaalu ya MUKAMA, Katonda
wa Isirayiri, Katonda ali mu Yerusaalemi.
4 Na buli Muyisirayiri eyasigalawo gy'ali, abantu abo baabeeramu,
banaamuwa ffeeza ne zaabu, n'ebintu n'ebisolo ebirundibwa, obutasaako
ebiweebwayo bye bawaayo ku bwabwe ebya yeekaalu ya Katonda eri mu
Yerusaalemi.' "

5 Awo abakulu b'ennyumba za Yuda ne Benyamini, ne bakabona,
n'Abaleevi, na buli muntu Katonda gwe yakubiriza, ne beeteekateeka
okwambuka okugenda okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA eri mu
Yerusaalemi†.
6 Baliraanwa baabwe bonna ne babawa ebintu ebya ffeeza ne za-
abu, n'ebintu ebirala n'ebisolo ebirundibwa, n'ebirabo eby'omuwendo
omungi, okwo nga kwe kuli ebiweebwayo bye baawaayo nga beeya-
galidde.
7 Ebintu ebyali mu yeekaalu ya MUKAMA, Nebukadduneeza bye yanyaga
mu Yerusaalemi n'abiteeka mu ssabo lya bakatonda be, Kabaka Kuulo,
n'abiggyayo.
8 Kuulo kabaka w'e Buperusi n'abikwasa Misuledasi omuwanika,
eyabikwasa Sesubazzali omulangira wa Yuda.

9 Guno gwe gwali omuwendo gwabyo:

| | |
|---|---|
| Esowaani eza zaabu amakumi asatu | 30, |
| Esowaani eza ffeeza lukumi | 1,000, |
| Ebiso ebya ffeeza amakumi abiri mu mwenda | 29, |
| 10 Ebibya ebya zaabu amakumi asatu | 30, |
| n'ebibya ebya ffeeza ebigenderako ebikumi bina mu kumi | 410, |
| n'ebintu ebirala lukumi | 1,000. |

* **1:2** Kuulo Obwakabaka bwa Kuulo bwavanga mu Buyindi ne butuuka ku Misiri, n'okuva ku Nnyanja Emyufu mu guyanja gw'e Buperusi okutuuka mu Esiyopya. † **1:5** Olugendo lwali wakati wa kilomita 900 ne kilomita 1,000, nga lwa myezi ebiri oba esatu

11 Byonna awamu ebintu ebya zaabu ne ffeeza byali enkumi ttaano mu ebikumi bina (5,400).

Sesubazzali n'agenda nabyo byonna e Yerusaalemi okuva e Babulooni mu buwaŋŋanguse.

# 2

*Olukalala olw'Abawaŋŋangusibwa Abaddayo*

1 Bano be bantu ab'omu ssaza, abanyagibwa Kabaka Nebukadduneeza ow'e Babulooni ne batwalibwa e Babulooni, abaddayo e Yerusaalemi ne Yuda buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe.
2 Abaabakulembera baali Zerubbaberi, ne Yesuwa, ne
Nekkemiya*, ne Seraya, ne Leeraya, ne Moluddekaayi, ne Birusani, ne Misupaali, ne Biguvaayi, ne Lekumu, ne Baana.

Omuwendo gw'abantu ba Isirayiri gwali:
3 bazzukulu ba Palosi enkumi bbiri mu kikumi mu nsavu mu babiri (2,172),
4 bazzukulu ba Sefatiya bisatu mu nsavu mu babiri (372),
5 bazzukulu ba Ala lusanvu mu nsavu mu bataano (775),
6 bazzukulu ba Pakasumowaabu ab'olunnyiriri olwa Yesuwa ne Yowaabu enkumi bbiri mu lunaana mu kkumi na babiri (2,812),
7 bazzukulu ba Eramu lukumi mu bibiri mu ataano mu bana (1,254),
8 bazzukulu ba Zattu lwenda mu ana mu bataano (945),
9 bazzukulu ba Zakkayi lusanvu mu nkaaga (760),
10 bazzukulu ba Bani lukaaga mu ana mu babiri (642),
11 bazzukulu ba Bebayi lukaaga mu abiri mu basatu (623),
12 bazzukulu ba Azugaadi lukumi mu bibiri mu abiri mu babiri (1,222),
13 bazzukulu ba Adonikamu lukaaga mu nkaaga mu mukaaga (666),
14 bazzukulu ba Biguvaayi enkumi bbiri mu amakumi ataano mu mukaaga (2,056),
15 bazzukulu ba Adini ebikumi bina mu ataano mu bana (454),
16 bazzukulu ba Ateri ow'olunnyiriri lwa Keezeekiya kyenda mu munaana (98),
17 bazzukulu ba Bezayi ebikumi bisatu mu amakumi abiri mu basatu (323),
18 bazzukulu ba Yola kikumi mu kumi na babiri (112),
19 bazzukulu ba Kasumu ebikumi bibiri mu abiri mu basatu (223),
20 bazzukulu ba Gibbali kyenda mu bataano (95).
21 Abazzukulu ab'e Besirekemu kikumi mu abiri mu basatu (123),
22 abazzukulu ab'e Netofa amakumi ataano mu mukaaga (56),
23 abazzukulu ab'e Anasosi kikumi abiri mu munaana (128),
24 abazzukulu ab'e Azumavesi amakumi ana mu babiri (42),
25 abazzukulu ab'e Kiriaswalimu, n'e Kefira n'e Beerosi lusanvu mu ana mu basatu (743),
26 abazzukulu ab'e Laama n'e Geba lukaaga mu abiri mu omu (621),
27 abazzukulu ab'e Mikumasi kikumi mu abiri mu babiri (122),
28 abazzukulu ab'e Beseri n'e Ayi ebikumi bibiri mu abiri mu basatu (223),
29 abazzukulu ab'e Nebo amakumi ataano mu babiri (52),

* **2:2** Nekkemiya ono, si ye oli eyawandiika ekitabo kya Nekkemiya.

30 abazzukulu ab'e Magubisi kikumi ataano mu mukaaga (156),
31 abazzukulu ab'e Eramu omulala lukumi mu bibiri mu ataano mu bana (1,254),
32 abazzukulu ab'e Kalimu ebikumi bisatu mu amakumi abiri (320),
33 abazzukulu ab'e Loodi, n'e Kadidi, n'e Ono lusanvu mu abiri mu bataano (725),
34 abazzukulu ab'e Yeriko ebikumi bisatu mu amakumi ana mu bataano (345),
35 n'abazzukulu ab'e Sena enkumi ssatu mu lukaaga mu amakumi asatu (3,630).

36 Bano be bakabona:
bazzukulu ba Yedaya ab'ennyumba ya Yesuwa lwenda mu nsavu mu basatu (973),
37 bazzukulu ba Immeri lukumi mu amakumi ataano mu babiri (1,052),
38 bazzukulu ba Pasukuli lukumi mu bibiri mu amakumi ana mu musanvu (1,247),
39 bazzukulu ba Kalimu lukumi mu kumi na musanvu (1,017).

40 Ne bano be Baleevi:
bazzukulu ba Yesuwa ne Kadumyeri ab'olunnyiriri olwa Kadaviya nsavu mu bana (74).

41 Bano be bayimbi:
bazzukulu ba Asafu† kikumi mu amakumi abiri mu munaana (128).

42 Bano be baakuumanga‡ enzigi za yeekaalu:
bazzukulu ba Sallumu, bazzukulu ba Ateri, bazzukulu ba Talumoni, bazzukulu ba Akkubu, bazzukulu ba Katita, ne bazzukulu ba Sobayi kikumi mu amakumi asatu mu mwenda (139).

43 Abaaweerezanga mu yeekaalu be bano:
bazzukulu ba Zika, bazzukulu ba Kasufa, bazzukulu ba Tabbawoosi,
44 bazzukulu ba Kerosi, bazzukulu ba Siyaka, bazzukulu ba Padoni,
45 bazzukulu ba Lebana, bazzukulu ba Kagaba, bazzukulu ba Akkubu,
46 bazzukulu ba Kagabu, bazzukulu ba Samulaayi, bazzukulu ba Kanani,
47 bazzukulu ba Gidderi, bazzukulu ba Gakali, bazzukulu ba Leyaya,
48 bazzukulu ba Lezini, bazzukulu ba Nekoda, bazzukulu ba Gazzamu,
49 bazzukulu ba Uzza, bazzukulu ba Paseya, bazzukulu ba Besayi,
50 bazzukulu ba Asuna, bazzukulu ba Meyunimu, bazzukulu ba Nefisimu,
51 bazzukulu ba Bakubuki, bazzukulu ba Kakufa, bazzukulu ba Kalukuli,
52 bazzukulu ba Bazulusi, bazzukulu ba Mekida, bazzukulu ba Kalusa,
53 bazzukulu ba Balukosi, bazzukulu ba Sisera, bazzukulu ba Tema,
54 bazzukulu ba Neziya, ne bazzukulu ba Katifa.
55 Bazzukulu b'abaweereza ba Sulemaani baali:
bazzukulu ba Sotayi, bazzukulu ba Kassoferesi, bazzukulu ba Peruda,
56 bazzukulu ba Yaala, bazzukulu ba Dalukoni, bazzukulu ba Gidderi,
57 bazzukulu ba Sefatiya, bazzukulu ba Kattiri, bazzukulu ba Pokeresukazzebayimu, ne bazzukulu ba Ami.

† **2:41** Asafu y'omu ku Baleevi, Dawudi be yalonda okuvunaanyizibwanga eby'okuyimba ‡ **2:42** Abaakuumanga baali Baleevi abaavunaanyizibwanga okukuuma omulyango gwa Yeekaalu.

58 Omuwendo ogw'abaaweerezanga mu yeekaalu ne bazzukulu b'abaweereza ba Sulemaani bonna awamu, gwali ebikumi bisatu mu kyenda mu babiri (392).

59 Ne bano be baava mu bibuga eby'e Terumeera, n'e Terukalusa, n'e Kerubu, n'e Yaddani, n'e Immeri, naye tebaalina bukakafu bulaga nti bava mu nnyumba ya Isirayiri.
60 Baali bazzukulu ba Deraya, bazzukulu ba Tobiya, ne bazzukulu ba Nekoda n'omuwendo gwabwe gwali lukaaga mu amakumi ataano mu babiri (652).

61 Ne ku bakabona kwaliko bazzukulu ba Kobaya,
ne bazzukulu ba Kakkozi, ne bazzukulu ba Baluzirayi eyawasa muwala wa Baluzirayi Omugireyaadi, n'atuumibwa erinnya eryo.
62 Ate waaliwo abalala abaanoonya amannya gaabwe mu abo abaabalibwa naye ne batagalaba, era ne batabalibwa mu bakabona kubanga kyagambibwa nti si balongoofu.
63 Omukulembeze n'abalagira baleme okulya ku bintu ebitukuvu
ennyo, okuggyako nga waliwo kabona alina Ulimu ne Sumimu.

64 Bonna awamu baali emitwalo ena mu enkumi bbiri mu bisatu mu nkaga (42,360),
65 okwo nga kw'otadde abaddu n'abaddu abakazi abaali kasanvu
mu bisatu mu amakumi asatu mu musanvu (7,337), n'abayimbi§ abasajja n'abakazi abaali ebikumi bibiri (200).
66 Baalina embalaasi lusanvu mu asatu mu mukaaga (736),
n'ennyumbu ebikumi bibiri mu amakumi ana mu ttaano (245),
67 n'eŋŋamira ebikumi bina mu amakumi asatu mu ttaano (435),
n'endogoyi kakaaga mu lusanvu mu abiri (6,720).

68 Awo abakulu b'ennyumba z'abajjajjaabwe bwe baatuuka ku kifo ennyumba ya MUKAMA we yali mu Yerusaalemi, ne bawaayo ebiweebwayo nga beeyagalidde, olw'okuddaabiriza ennyumba ya Katonda.
69 Ne bawaayo mu ggwanika ng'obusobozi bwabwe bwe bwali; ne bawaayo kilo bitaano eza zaabu (500), ne tani ssatu (3), n'ebyambalo bya bakabona kikumi (100) mu ggwanika.
70 Awo bakabona, n'Abaleevi, n'abayimbi, n'abaakuumanga enzigi za yeekaalu, n'abakozi ba yeekaalu ne baddayo mu bibuga byabwe, awamu n'abamu ku bantu abalala, n'Abayisirayiri abalala bonna ne baddayo mu bibuga byabwe.

# 3

*Okuddaabiriza Ekyoto*

1 Omwezi ogw'omusanvu bwe gwatuuka, Abayisirayiri ne bava mu bibuga gye baali, ne bakuŋŋaanira e Yerusaalemi nga bali bumu.
2 Awo Yesuwa mutabani wa Yozadaki ne bakabona banne, ne Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri n'ab'ennyumba ye ne batandika okuzimba ekyoto kya Katonda wa Isirayiri, okuweerangako ebiweebwayo

§ **2:65** Okugatta ku bayimbi Abaleevi, waabangawo n'abayimbi abalala abaayimbanga mu mbaga ez'enjawulo ne mu nnyimbe

ebyokebwa nga bwe kyawandiikibwa, mu Mateeka ga Musa omusajja wa Katonda.
3 Newaakubadde nga baalina entiisa ey'abamawanga agaali gabeetoolodde, basooka okuzimba ekyoto ku musingi gwakyo ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA, nga bawaayo eby'enkya n'eby'akawungeezi.
4 Era ng'etteeka bwe liri, ne bakwata embaga ey'ensiisira ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa ebya buli lunaku ng'omuwendo ogwetaagibwa buli lunaku bwe gwali.
5 N'oluvannyuma baawaayo ebiweebwayo ebyokebwa ebya buli kiseera, omwezi nga gwa kaboneka ne ku buli mbaga zonna ezaatukuzibwa eza MUKAMA ezaalagirwa, ate n'ekiweebwayo ekya buli muntu eyawaayo eri MUKAMA ekiweebwayo awatali kuwalirizibwa.
6 Okuva ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'omusanvu ne batandika okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA, newaakubadde ng'omusingi gwa yeekaalu ya MUKAMA gwali tegunnazimbibwa.

### *Okuddaabiriza Yeekaalu*

7 Ne bawa abazimbi n'ababazzi ensimbi, ne bawa n'ab'e Sidoni n'ab'e Tuulo ebyokulya n'ebyokunywa n'amafuta, okuleeta emivule okuva mu Lebanooni okugituusa ku nnyanja e Yopa, ng'ekiragiro kya Kuulo kabaka w'e Buperusi bwe kyali.
8 Awo mu mwezi ogwokubiri mu mwaka ogwokubiri nga batuuse awali yeekaalu ya Katonda mu Yerusaalemi, Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ne Yesuwa mutabani wa Yozadaki ne baganda baabwe bakabona n'Abaleevi ne bonna abajja e Yerusaalemi okuva mu buwaŋŋanguse ne batandika omulimu ogw'okuzimba, era ne beerondamu abaali ab'emyaka amakumi abiri egy'obukulu, n'okusingawo, okulabirira omulimu ogw'okuddaabiriza yeekaalu ya MUKAMA.
9 Awo Yesuwa ne batabani be ne baganda be, ne Kadumyeri ne batabani be, ne bazzukulu ba Yuda, nga bayambibwako ne batabani ba Kenedadi n'Abaleevi bonna ne bavunaanyizibwa okulabirira omulimu ogw'okuddaabiriza ennyumba ya MUKAMA.
10 Awo abazimbi bwe baamala okuzimba omusingi gwa yeekaalu ya MUKAMA, bakabona nga bambadde ebyambalo byabwe ne bavaayo nga bakutte amakondeere, n'abaleevi, bazzukulu ba Asafu, nga bakutte ebitaasa, ne bayimirira mu bifo byabwe okutendereza MUKAMA, nga Dawudi kabaka wa Isirayiri bwe yateekateeka.
11 Ne bayimba ennyimba ez'okwebaza n'okutendereza MUKAMA nga boogera nti,

"Mulungi,
n'okwagala kwe eri Isirayiri kubeerera emirembe gyonna."

Abantu bonna ne bayimusa amaloboozi gaabwe nga batendereza MUKAMA, kubanga omusingi gw'ennyumba ya MUKAMA gwali guzimbiddwa.
12 Naye bangi ku bakabona n'Abaleevi abakadde, n'Abakulu b'ebika, abaalaba yeekaalu eyasooka, ne bakaaba nnyo ng'amaloboozi gaabwe gawulikika bwe baalaba ng'omusingi gwa yeekaalu empya guzimbiddwa, newaakubadde ng'abalala bangi baasanyuka nnyo nga bwe baleekaana;
13 nga si kyangu okwawula amaloboozi g'abo abaali bakaaba n'abaali basanyuka, kubanga abantu bonna baawowogana mu ddoboozi ery'omwanguka, era n'amaloboozi gaabwe ne gawulirwa wala.

# 4

*Abalabe ba Yuda*

1 Awo abalabe ba Yuda ne Benyamini* bwe baawulira ng'abaana ba
Isirayiri abaali mu buwaŋŋanguse batandise okuddaabiriza yeekaalu ya
MUKAMA, Katonda wa Isirayiri,
2 ne bagenda eri Zerubbaberi n'abakulu b'ebika ne boogera nti, "Mu-
tukkirize tubayambeko okuzimba, kubanga tuli nga mmwe, era tusinza
Katonda wammwe, era okuva ku mirembe gya Esaludaddoni kabaka w'e
Bwasuli, eyatuleeta wano tuwaayo ssaddaaka eri Katonda wammwe."
3 Naye Zerubbaberi ne Yesuwa n'abakulu b'ebika bya Isirayiri abalala
ne babaddamu nti, "Temulina mugabo naffe mu kuddaabiriza yeekaalu
ya Katonda waffe. Tuligizimbira MUKAMA Katonda wa Isirayiri ffekka, nga
kabaka Kuulo kabaka w'e Buperusi bwe yatulagira."
4 Awo abantu be baalimu ne bamalirira okulemesa abantu ba Yuda, ne
babatiisatiisa okuzimba.
5 Ne bagulirira abantu okubawakanya n'okulemesa enteekateeka
yaabwe, ebbanga lyonna Kuulo kabaka w'e Buperusi lye yafuga, okutuusa
Daliyo kabaka w'e Buperusi lwe yalya obwakabaka.
6 Awo ku mirembe gya Akaswero† nga ky'ajje alye obwakabaka, abalabe
baabwe ne baawandiika ebintu eby'obulimba ne baloopa abantu ba Yuda
ne Yerusaalemi.
7 Awo mu biro bya Alutagizerugizi, Bisulamu ne Misuledasi ne Tabeeri
ne bannaabwe abalala ne bawandiikira Alutagizerugizi ebbaluwa mu
nnukuta ez'Aramayika ne mu lulimi Olwaramayika.
8 Lekumu ow'essaza, ne Simusaayi omuwandiisi ne bawandiikira
Alutagizerugizi ebbaluwa ekwata ku Yerusaalemi.
9 Lekumu ow'essaza ne Simusaayi omuwandiisi awamu ne ban-
naabwe abalala, abalamuzi n'abakungu, n'Abaperusi, n'Abalukevi,
n'Abababulooni, n'Abasusanuki, n'Abaweramu,
10 n'amawanga amalala, omukungu Osunappali be yakomyawo,
n'abateeka mu bibuga bya Samaliya ne mu bitundu ebirala ebiri emitala
w'omugga Fulaati ne bawandiika nti:
11 Ebbaluwa gye baawandiikira kabaka yali egamba nti,
Eri kabaka Alutagizerugizi,
Okuva eri abaddu bo abasajja ab'omu ssaza eriri emitala w'omugga
Fulaati.
12 Kabaka asaanye ategeere nti Abayudaaya abaava gy'oli ne ba-
jja gye tuli bagenze e Yerusaalemi okuddaabiriza ekibuga ekyo eki-
jeemu eky'abantu abakozi b'ebibi. Batandise okuddaabiriza emisingi
n'okuzaawo bbugwe.
13 Ne nsonga endala, kabaka asaanye akimanye ng'ekibuga ekyo bwe
kirizimbibwa ne bbugwe bw'aliggwa okukola, tebalisasula misolo nate,
newaakubadde okuwa empooza, era ekiriva mu ekyo bwe bwakabaka
okufiirwa.
14 Kale nno, olw'okuba nga tulina obuvunaanyizibwa eri obwakabaka,
ate nga tetwandiyagadde kulaba nga kabaka aswazibwa, kyetuvudde
tuweereza obubaka buno eri kabaka,
15 banoonye mu bitabo eby'okujjukiza ebya bajjajjaabo. Mu bitabo
ebyo ojja kuzuula ng'ekibuga ekyo kibuga kijeemu, ekyalumya emitwe gya
bakabaka n'abaamasaza, era nga kifo ekimanyiddwa ng'ekijeemu okuva
mu biro eby'edda. Era kyekyava kizikirizibwa.

* **4:1** Ababenyamini baali Basamaliya † **4:6** Akaswero ye Alutagizerugizi

16 Tukakasa kabaka nti ekibuga kino bwe kirizimbibwa ne bbugwe
waakyo n'azzibwawo, tolibaako ne ky'osigaza emitala w'omugga Fulaati.
17 Awo kabaka n'abaddamu bw'ati nti:

Eri Lekumu ow'essaza, ne Simusaayi omuwandiisi ne bannaabwe abalala abaabeeranga mu Samaliya, ne mu bifo ebirala ebiri mu ssaza eriri emitala w'omugga Fulaati,

Mbalamusizza.

18 Ebbaluwa gye mwatuweereza esomeddwa mu maaso gange ne
ngitegeera.
19 Nalagira, okunoonyereza ne kukolebwa, era ne kizuulibwa
ng'ekibuga ekyo, okuva edda kijeemera bakabaka[‡], era ng'obujeemu
n'ekyejo byakolebwanga omwo.
20 Yerusaalemi kyalina bakabaka ab'amaanyi abaafuganga essaza
lyonna eriri emitala w'omugga Fulaati, era baaweebwanga emisolo,
n'empooza okuva mu kitundu ekyo.
21 Kaakano muweereze ekiragiro eri abasajja abo bakomye omulimu
ogw'okuddaabiriza ekibuga ekyo okutuusa ate bwe ndibalagira.
22 Musseeyo nnyo omwoyo okulaba nga temutenguwa mu nsonga eyo.
Lwaki tukkiriza ensonga eyo okugenda mu maaso, okuleeta okufiirwa eri
obwakabaka?
23 Amangwago ebbaluwa eyava ewa kabaka Alutagizerugizi bwe
yasomerwa Lekumu ne Simusaayi omuwandiisi ne bannaabwe, ne
bayanguwa okugenda eri Abayudaaya e Yerusaalemi, ne babalekesaayo
n'amaanyi okugenda mu maaso.

24 Awo omulimu ku nnyumba ya Katonda mu Yerusaalemi ne guyimirira
okutuusa omwaka ogwokubiri ogw'omulembe gwa Daliyo kabaka w'e
Buperusi.

# 5

1 Awo bannabbi Kaggayi ne Zekkaliya muzzukulu wa Iddo ne bategeeza
Abayudaaya abaabeeranga mu Yuda ne Yerusaalemi obubaka obuva eri
Katonda wa Isirayiri, Katonda waabwe.
2 Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri ne Yesuwa mutabani
wa Yozadaki ne bagolokoka ne bagenda mu maaso n'omulimu
gw'okuddaabiriza ennyumba ya Katonda mu Yerusaalemi, era ne
bannabbi ba Katonda nga babayambako.
3 Mu kiseera kyekimu Tattenayi ow'essaza ly'emitala w'omugga Fulaati,
ne Sesalubozenayi ne bagenda gye bali ne bababuuza nti, "Ani eyabawa
obuyinza okuddaabiriza yeekaalu eyo n'okuzaawo bbugwe oyo?"
4 Ate era ne bababuuza n'amannya g'abasajja abaakolanga ku kizimbe
ekyo.
5 Naye Katonda waabwe n'abeeranga wamu n'abakulu b'Abayudaaya,
ne bataziyizibwa kugenda mu maaso n'omulimu okutuusa ekigambo nga
kivudde eri Daliyo, n'okuddamu kwe nga kuli mu buwandiike.
6 Kopi ey'ebbaluwa Tattenayi ow'essaza ly'emitala w'omugga Fulaati,
ne Sesalubozenayi ne bannaabwe abakungu ab'emitala w'omugga Fulaati
gye baaweereza Kabaka Daliyo,
7 yalimu ebigambo bino wansi.

Eri Kabaka Daliyo,

Mirembe myereere.

‡ **4:19** Ekyo kyogera ku bujeemu bwa Keezeekiya ne Yekoyakimu, ne Zeddekiya

8 Kitugwanidde okumanyisa kabaka nga bwe twagenze mu ssaza lya
Yuda ku yeekaalu ya Katonda omukulu. Abantu bagizimba n'amayinja
amanene era bateeka n'embaawo mu bbugwe, era n'omulimu
gukolebwa n'obunyiikivu n'okugenda gugenda mu maaso olw'okufuba
kwabwe.
9 Twabuuza abakulu nti, "Ani eyabawa obuyinza okuddaabiriza
yeekaalu eyo n'okuzzaawo bbugwe oyo?"
10 Era twababuuza n'amannya gaabwe, tusobole okukuweereza aman-
nya g'abakulembeze baabwe.
11 Baatuddamu nti:

"Tuli baddu ba Katonda w'eggulu n'ensi, era tuddaabiriza yeekaalu eyazimbibwa emyaka egy'edda omu ku bakabaka abakulu aba Isirayiri, n'agimala.
12 Naye olw'okuba nga bajjajjaffe baasunguwaza Katonda w'eggulu,
yabawaayo mu mukono gwa Nebukadduneeza Omukaludaaya, kabaka
w'e Babulooni, eyazikiriza yeekaalu eno n'atwala abantu e Babulooni.
13 "Naye mu mwaka ogw'olubereberye ogw'obufuzi bwa Kuulo
kabaka w'e Babulooni, kabaka Kuulo oyo n'awa ekiragiro okuddaabiriza
ennyumba ya Katonda eno.
14 Ebintu ebya zaabu n'ebya ffeeza eby'omu nnyumba ya Ka-
tonda, Nebukadduneeza bye yanyaga mu yeekaalu eyali mu Yerusaalemi
n'abitwala mu ssabo ly'e Babulooni, Kabaka Kuulo n'abiggyayo. Kabaka
Kuulo n'abikwasa omusajja erinnya lye Sesubazaali, gwe yalonda okuba
owessaza,
15 era n'amugamba nti, 'Twala ebintu ebyo, ogende obiteeke mu
yeekaalu eri mu Yerusaalemi, era olabe ng'ennyumba ya Katonda edda
mu kifo kyayo.'
16 "Sesubazaali oyo n'ajja n'azimba omusingi gw'ennyumba ya Ka-
tonda mu Yerusaalemi, era okuva mu kiseera ekyo n'okutuusa kaakano
omulimu gukyagenda mu maaso, tegunnagwa."

17 Noolwekyo kabaka bw'aba ng'asiimye, wabeewo okunoonyereza
mu bitabo mu ggwanika lya kabaka eyo e Babulooni obanga ddala
Kabaka Kuulo yawa ekiragiro okuddaabiriza ennyumba ya Katonda
mu Yerusaalemi. N'oluvannyuma kabaka atutumire okututegeeza
ky'asazeewo ku nsonga eyo.

# 6

*Ekiragiro kya Daliyo*

1 Awo kabaka Daliyo n'awa ekiragiro okunoonyereza mu bitabo
ebyabeeranga mu ggwanika e Babulooni.
2 Awo omuzingo gw'ekitabo ogwawandiikibwamu ekijjukizo ne guzu-
ulibwa mu kibuga ekikulu Yakumesa eky'essaza ly'e Bumeedi nga
kigamba nti:
Ekiwandiiko:
3 Mu mwaka ogw'olubereberye ogw'obufuzi bwa kabaka Kuulo,
kabaka yateeka etteeka erikwata ku yeekaalu ya Katonda mu
Yerusaalemi, nga ligamba nti:

Yeekaalu eddaabirizibwe ebeere ekifo eky'okuweerangayo ssaddaaka, n'emisingi gyayo giteekebwewo ginywezebwe. Eriba mita amakumi

abiri mu musanvu obugulumivu (27), ne mita amakumi abiri mu musanvu obugazi (27),

4 ng'erina embu ssatu ez'amayinja amanene, n'olubu olulala nga lwa mbaawo. Omuwendo gwonna gwakusasulibwa okuva mu gwanika lya kabaka.

5 Ate era n'ebintu ebya zaabu n'ebya ffeeza eby'omu nnyumba ya Katonda, Nebukadduneeza bye yaggya mu yeekaalu e Yerusaalemi n'abireeta e Babulooni, bizibweyo mu bifo byabyo mu yeekaalu e Yerusaalemi; mulibiteeka mu nnyumba ya Katonda.

6 Kale nno, Tattenayi ow'essaza ery'emitala w'omugga Fulaati, ne Sesalubozenayi, n'abakungu abeeyo mwewale okutabulatabula.

7 Temuyingirira mulimu ogukolebwa ku yeekaalu ya Katonda eyo. Muleke ow'essaza ly'Abayudaaya n'abakulu b'Abayudaaya bazzeewo ennyumba ya Katonda mu kifo kyayo.

8 Ate era nteeka etteeka erikwata ku bye muteekwa okukolera abakulu abo ab'Abayudaaya nga bazimba yeekaalu ya Katonda:

Ebirikozesebwa abasajja abo byonna, bya kusasulibwa okuva mu ggwanika lya Kabaka, ku misolo egiva emitala w'omugga Fulaati, omulimu guleme okuyimirira.

9 Bwe baliba beetaaze okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Katonda w'eggulu, oba nte nnume ento, oba ndiga nnume, oba ndiga nnume ento, oba ŋŋaano, oba munnyo, oba nvinnyo, oba mafuta, muteekwa okuwa bakabona ab'omu Yerusaalemi byonna nga bwe baliba basabye buli lunaku obutayosa,

10 basobole okuwaayo ssaddaaka ezisiimibwa Katonda w'eggulu, era basabire kabaka ne batabani be.

11 Era nteeka etteeka, omuntu yenna bwalikyusa ekiragiro ekyo, empagi eyazimba ennyumba ye eriggyibwa ku nnyumba ye, era n'awanikibwa ku mpagi eyo. N'ennyumba ye erifuulibwa olubungo olw'ekikolwa ekyo.

12 Katonda eyaleetera Erinnya lye okubeera mu kifo ekyo, aggyewo kabaka yenna n'eggwanga eririyimusa omukono gwalyo okukyusa etteeka eryo oba n'okuzikiriza eyeekaalu eyo mu Yerusaalemi.

Nze Daliyo ntaddewo etteeka eryo. Likwatibwe butiribiri.

### *Yeekaalu eggwa okuzimbibwa*

13 Olw'ekiragiro kabaka Daliyo kye yaweereza, Tattenayi ow'essaza ly'emitala w'omugga Fulaati, ne Sesalubozenayi ne bannaabwe ne bakola bye baalagibwa n'obunyiikivu bwonna.

14 Abakadde b'Abayudaaya ne bagenda mu maaso n'okuzimba era ne balaba omukisa ng'okutegeeza kwa nnabbi Kaggayi n'okwa nnabbi Zekkaliya muzzukulu wa Ido bwe kwali. Ne bamaliriza okuzimba yeekaalu, ng'ekiragiro kya Katonda wa Isirayiri bwe kyali, era ng'amateeka ga Kuulo, ne Daliyo ne Alutagizerugizi bakabaka b'e Buperusi bwe gaali.

15 Awo yeekaalu eyo n'emalirizibwa ku lunaku olwokusatu olw'omwezi Adali, mu mwaka ogw'omukaaga ogw'obufuzi bwa kabaka Daliyo.

### *Okutukuza Yeekaalu*

16 Awo abantu ba Isirayiri, bakabona n'Abaleevi n'abalala abaali mu buwaŋŋanguse ne bakomawo mu ssanyu ne bakola embaga ey'okutukuza ennyumba ya Katonda nga balina essanyu.

17 Olw'okutukuza ennyumba eyo eya Katonda, baawaayo ente ennume
kikumi, n'endiga ennume ebikumi bibiri, n'endiga ennume ento ebikumi
bina, ate n'ekiweebwayo olw'ekibi ku lwa Isirayiri yenna, embuzi ennume
kkumi na bbiri, ng'omuwendo bwe gwali ogw'ebika bya Isirayiri.
18 Ne bateeka bakabona mu bibinja byabwe n'Abaleevi mu biti byabwe
olw'okuweereza Katonda e Yerusaalemi, nga bwe kyawandiikibwa mu
kitabo kya Musa.

### *Embaga ey'Okuyitako*

19 Ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi ogw'olubereberye,
abawaŋŋaangusibwa baafumba embaga ey'Okuyitako.
20 Bakabona n'Abaleevi baali beetukuzizza era bonna nga balongoofu
okukola emikolo. Abaleevi ne batta omwana gw'endiga ogw'Okuyitako,
ku lwa baganda baabwe bakabona, nabo bennyini.
21 Awo Abayisirayiri abaava mu buwaŋŋanguse ne bagirya wamu n'abo
bonna abaali beeyawudde, nga basinza MUKAMA Katonda wa Isirayiri.
22 Ne bamala ennaku musanvu nga balya n'essanyu Embaga
ey'Emigaati Egitazimbulukuswa, kubanga MUKAMA yabajjuza essanyu bwe
yakyusa omutima gwa kabaka w'e Bwasuli, n'abayamba mu mulimu
ogw'ennyumba ya Katonda wa Isirayiri.

## 7

### *Ezera Akomawo e Yerusaalemi*

1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, mu biro eby'obufuzi bwa Alutagizerugizi
kabaka w'e Buperusi, Ezera mutabani wa Seraya, muzzukulu wa Azaliya,
muzzukulu wa Kirukiya,
2 muzzukulu wa Sallumu, muzzukulu wa Zadooki, muzzukulu wa
Akitubu,
3 muzzukulu wa Amaliya, muzzukulu wa Azaliya, muzzukulu wa
Merayoosi,
4 muzzukulu wa Zerakiya, muzzukulu wa Uzzi, muzzukulu wa Bukki,
5 muzzukulu wa Abisuwa, muzzukulu wa Finekaasi, muzzukulu wa
Eriyazaali, muzzukulu wa Alooni kabona asinga obukulu,
6 n'ava e Babulooni. Yali munnyonnyozi w'amateeka mukugu mu
mateeka, MUKAMA Katonda wa Isirayiri ge yawa Musa. Kabaka n'amuwa
buli kintu kye yasaba kubanga omukono gwa MUKAMA Katonda we gwali
wamu naye.
7 Abamu ku bantu ba Isirayiri, omwo nga mwe muli bakabona,
n'Abaleevi, n'abayimbi, n'abaakuumanga wankaaki, n'abaaweerezanga
mu yeekaalu, ne bagenda wamu naye e Yerusaalemi mu mwaka
ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa kabaka Alutagizerugizi.
8 N'atuuka mu Yerusaalemi mu mwezi ogwokutaano ogw'omwaka
ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwa kabaka oyo.
9 Yasitula okuva e Babulooni ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi
ogw'olubereberye, n'atuuka e Yerusaalemi ku lunaku olw'olubereberye
olw'omwezi ogwokutaano, kubanga omukono gwa Katonda we omulungi
gwali wamu naye.
10 Ezera yali amaliridde mu mutima gwe okusoma n'okukuuma Etteeka
lya MUKAMA, era n'okuyigirizanga amateeka n'ebiragiro byalyo mu
Isirayiri.

### *Ebbaluwa Kabaka Alutagizerugizi gye yawandiikira Ezera*

11 Eno ye kopi ey'ebbaluwa kabaka Alutagizerugizi gye yawa Ezera
kabona era omusomesa, omusajja eyali omukugu mu nsonga ez'amateeka
n'ebiragiro bya MUKAMA eri Isirayiri.

12 Alutagizerugizi, kabaka wa bakabaka,

Eri Ezera kabona era omunnyonnyozi w'amateeka ga Katonda w'eggulu:

Nkulamusizza.

13 Nteeka etteeka nga buli muntu ow'omu ggwanga lya Isirayiri, omwo
nga mwe muli bakabona n'Abaleevi, awulira okugenda e Yerusaalemi
naawe, ayinza okugenda.

14 Otumiddwa kabaka n'abakungu be omusanvu ab'oku ntikko
okugenda okunoonyereza ku bikwata ku Yuda ne Yerusaalemi nga
mugoberera etteeka lya Katonda wammwe, lye mumanyi obulungi.

15 Bwe muba nga mugenda mutwale effeeza ne zaabu kabaka
n'abakungu be bye bawaddeyo ku bwabwe eri Katonda wa Isirayiri, atuula
mu Yerusaalemi,

16 awamu n'effeeza ne zaabu yonna gye muliggya mu ssaza lya
Babulooni, n'ebiweebwayo eby'obuwa abantu ne bakabona bye baliwaayo
ku lwa yeekaalu ya Katonda waabwe mu Yerusaalemi.

17 Ensimbi ezo mulizikozesa okugula ente ennume, n'endiga ennume,
n'abaana b'endiga, n'ebiweebwayo byako eby'obutta, n'ebiweebwayo
byako ebyokunywa era munaabiweerangayo ku kyoto eky'omu yeekaalu
ya Katonda wammwe mu Yerusaalemi.

18 Ggwe ne baganda bo Abayudaaya, kye mulisiima okukolamu
effeeza ne zaabu erifikkawo kiriva gye muli ng'okusiima kwa Katonda
wammwe bwe kuli.

19 Ebintu byonna ebibaweereddwa okukozesa mu yeekaalu ya Ka-
tonda wammwe mubiwangayo olw'okusinza Katonda wa Yerusaalemi.

20 N'ekintu ekirala kyonna kye muliba mwetaaze okukozesa mu
yeekaalu ya Katonda wammwe, kinaggyibwanga mu ggwanika lya kabaka.

21 Kaakano, nze kabaka Alutagizerugizi nteeka etteeka nga ndagira
abawanika bonna abali mu ssaza eriri emitala w'omugga Fulaati
okuwanga Ezera kabona era omunnyonnyozi w'amateeka ga Katonda
w'eggulu, by'anaabasabanga

22 n'okutuusa ku ttani ssatu n'ekitundu eza ffeeza, oba kilo enkumi
bbiri mu bibiri ez'eŋŋaano, oba lita enkumi bbiri mu bibiri ez'envinnyo,
oba lita enkumi bbiri mu bibiri ez'amafuta, oba n'omunnyo gwe baliba
baagala gwonna.

23 Ekintu kyonna ekyalagirwa Katonda w'eggulu, kiribaweebwa mu
bungi, ku lwa yeekaalu ya Katonda w'eggulu. Kale kiki ekirimuleetera
okusunguwalira kabaka ne batabani be?

24 Ate era mutegeere nga temusaana kuwooza musolo, oba
empooza ey'engeri yonna ku kabona yenna newaakubadde Abaleevi
newaakubadde abayimbi newaakubadde abakuumi ab'oku nzigi
newaakubadde abaweereza ab'omu yeekaalu newaakubadde abaddu
abalala ab'omu nnyumba ya Katonda eyo.

25 "Naawe, ggwe Ezera, ng'okozesa amagezi Katonda ge yakuwa, londa
abaami n'abalamuzi, abanaalamulanga abantu bonna ab'omu ssaza
eriri emitala w'omugga Fulaati, abamanyi amateeka ga Katonda wo, era
oyigirize n'abo abatagamanyi.

26 Omuntu yenna ataligondera tteeka lya Katonda wo, n'etteeka lya
Kabaka aliweebwa ekibonerezo kya kuttibwa, oba okugobebwa mu bantu,
oba okuggyibwako ebibye, oba okusibibwa mu kkomera."

27 MUKAMA Katonda w'abajjajjaffe atenderezebwe ayolesezza kabaka
okuwa ennyumba ya MUKAMA mu Yerusaalemi ekitiibwa,
28 era ansobozesezza okulaba omukisa mu maaso ga kabaka ne mu
maaso g'abawi b'amagezi be ab'oku ntikko, n'abakungu ba kabaka bonna,
n'olw'omukono gwa MUKAMA Katonda wange ogubadde awamu nange,
nsobole okukuŋŋaanya abakulembeze ba Isirayiri okugenda nange.

# 8

*Amannya g'Abaddayo ne Ezera*

1 Bano be bakulu b'ennyumba, n'abo abeewandiisa n'abo abaayambuka nange okuva e Babulooni mu mulembe gwa kabaka Alutagizerugizi:

2 okuva mu bazzukulu ba Finekaasi,
Gerusomu;
n'okuva mu bazzukulu ba Isamaali,
Danyeri;
n'okuva mu bazzukulu ba Dawudi,
Kattusi
3 muzzukulu wa Sekaniya,
n'okuva mu bazzukulu ba Palosi,
Zekkaliya, era wamu naye abasajja abeewandiisa kikumi mu ataano (150);
4 n'okuva mu bazzukulu ba Pakasumowaabu,
Eriwenayi mutabani wa Zekkaliya, era wamu naye abasajja ebikumi bibiri (200);
5 n'okuva mu bazzukulu ba Sekaniya,
mutabani wa Yakazyeri, era wamu naye abasajja ebikumi bisatu (300);
6 n'okuva mu bazzukulu ba Adini,
Ebedi mutabani wa Yonasaani, era wamu naye abasajja amakumi ataano (50);
7 n'okuva mu bazzukulu ba Eramu,
Yesaya mutabani wa Asaliya, era wamu naye abasajja nsanvu (70);
8 n'okuva mu bazzukulu ba Sefatiya,
Zebadiya mutabani wa Mikayiri, era wamu naye abasajja kinaana (80);
9 n'okuva mu bazzukulu ba Yowaabu,
Obadiya mutabani wa Yekyeri, era wamu naye abasajja ebikumi bibiri mu kkumi na munaana (218);
10 n'okuva mu bazzukulu ba Seromisi,
mutabani wa Yosifiya, era wamu naye abasajja kikumi mu nkaaga (160);
11 n'okuva mu bazzukulu ba Bebayi,
Zekkaliya mutabani wa Bebayi, era wamu naye abasajja amakumi abiri mu munaana (28);
12 n'okuva mu bazzukulu ba Azugadi,
Yokanaani mutabani wa Kakkatani, era wamu naye abasajja kikumi mu kkumi (110);
13 n'okuva mu bazzukulu ba Adonikamu,
abajja oluvannyuma, Erifereti, ne Yeyeri, ne Semaaya, era wamu nabo abasajja nkaaga (60);
14 n'okuva mu bazzukulu ba Biguvaayi,
Usayi ne Zabudi, era wamu nabo abasajja nsanvu (70).

### *Okuddayo e Yerusaalemi*

15 Ne mbakuŋŋaanyiza ku mugga ogukulukutira e Yakava, ne tusiisira
eyo okumala ennaku ssatu. Awo bwe nnali nga nneekebejja abantu ne
bakabona, ne sirabamu Baleevi.
16 Kyennava ntumya Eryeza ne Alyeri ne Semaaya ne Erunasani ne
Yalibu ne Erunasani ne Nasani ne Zekkaliya ne Mesullamu, abaali
abakulembeze ne Yoyalibu ne Erunasani, abaali abategeevu,
17 ne mbatuma eri Iddo omukulu w'ekifo eky'e Kasifiya, ne mbategeeza
bye baba bagamba Iddo ne baganda be, abaaweerezanga mu yeekaalu
mu kifo ekyo eky'e Kasifiya, batuuweereze abaweereza abaliyamba mu
nnyumba ya Katonda waffe.
18 Olw'omukono gwa Katonda ogwali awamu naffe, ne batuleetera
omusajja omutegeevu, omu ku bazzukulu ba Makuli, mutabani wa Leevi,
mutabani wa Isirayiri, erinnya lye Serebiya, wamu ne baganda be ne
batabani baabwe, abasajja kkumi na munaana;
19 ne Kasabiya, wamu naye Yesaya omu ku bazzukulu ba Merali, ne
baganda be ne batabani baabwe, abasajja amakumi abiri.
20 Ate era ne baleeta n'abaweereza ba yeekaalu Dawudi n'abakungu
be baalonda okubeeranga Abaleevi ebikumi bibiri mu abiri. Bonna baali
beewandiisizza.
21 Awo ku mugga Akava, ne nangirira okusiiba, twetoowaze mu maaso
ga Katonda waffe, nga tumwegayirira okubeera awamu naffe n'abaana
baffe n'ebintu byaffe byonna mu lugendo lwaffe.
22 Nakwatibwa ensonyi okusaba kabaka abaserikale abakuumi
ab'ebigere n'abeebagala embalaasi okutukuuma eri abalabe, kubanga
twali tumutegeezeza nti, "Omukono omulungi ogwa Katonda waffe
gubeera ku buli muntu amunoonya, naye obusungu bwe bubeera ku abo
abamujeemera."
23 Kyetwava tusiiba ne twegayirira Katonda waffe ku nsonga eyo, era
n'addamu okusaba kwaffe.
24 Awo ne nonda Serebiya ne Kasabiya ne baganda baabwe abalala
kkumi, be bantu kkumi na babiri okuva mu bakabona abakulu,
25 ne mbapimira ffeeza ne zaabu n'ebintu kabaka, n'abaami be,
n'abakungu be, ne Isirayiri yenna, bye baawaayo ku lw'ennyumba ya
Katonda waffe.
26 Ne mbagererera ttani amakumi abiri mu ttaano eza ffeeza, n'ebintu
ebya ffeeza obuzito bwabyo ttani ssatu n'ebitundu bisatu byakuna, ne
zaabu ttani ssatu n'ebitundu bisatu byakuna,
27 ne kilo munaana n'ekitundu eza zaabu, n'ebitundu bibiri eby'ekikomo
ebirungi ebizigule, eby'omuwendo nga zaabu.
28 Ne mbategeeza nti, "Muli batukuvu eri MUKAMA, n'ebintu bino
bitukuvu eri MUKAMA. Effeeza ne zaabu biweebwayo kyeyagalire eri
MUKAMA Katonda wa bajjajjammwe.
29 Mubikuume bulungi era mubituuse bulungi eri bakabona abakulu
n'Abaleevi, n'abakulu b'ennyumba za Isirayiri."
30 Awo bakabona n'Abaleevi ne baweebwa effeeza ne zaabu, n'ebintu
ebyawongebwa, ebyali bipimiddwa, okubitwala mu nnyumba ya Katonda
waffe e Yerusaalemi.
31 Ku lunaku olw'ekkumi n'ebbiri olw'omwezi ogw'olubereberye ne
tusitula okuva ku mugga Akava okugenda e Yerusaalemi. Omukono
gwa Katonda waffe ne gubeera wamu naffe, n'atukuuma eri abalabe
n'abanyazi mu kkubo.

32 Ne tutuuka e Yerusaalemi gye twawumulira okumala ennaku ssatu.
33 Awo ku lunaku olwokuna, nga tuli mu nnyumba ya Katonda waffe, ne
tupima ffeeza ne zaabu n'ebintu ebyawongebwa ne tubikwasa Meremoosi
kabona, mutabani wa Uliya, ne Eriyazaali mutabani wa Finekaasi eyali
awamu naye, ne Yozabadi mutabani wa Yeswa, ne Nowadiya mutabani
wa Binnuyi, Abaleevi.
34 Byonna ne bibalibwa ng'omuwendo gwabyo bwe gwali n'obuzito
bwabyo bwe bwali era ne biwandiikibwa.
35 Mu kiseera ekyo abaawaŋŋangusibwa, abakomawo okuva mu busibe,
ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Katonda wa Isirayiri: ente
ennume kkumi na bbiri ku lwa Isirayiri yenna, n'endiga ennume kyenda
mu mukaaga, n'obuliga obuto nga bulume nsanvu mu musanvu, n'embuzi
ennume kkumi na bbiri okuba ekiweebwayo olw'ekibi, ebyo byonna ne
biba ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA.
36 Ate era ne batuusa n'ebiragiro bya kabaka eri bagavana*
n'abaamasaza abaali emitala w'omugga Fulaati, abafuzi abo ne bayamba
abantu ne bawaayo n'obuyambi eri ennyumba ya Katonda.

# 9

*Okusaba kwa Ezera ku Nsonga ey'Okufumbiriganwa mu mawanga*

1 Oluvannyuma lw'ebintu ebyo okukolebwa,* abakulembeze ne bajja
gye ndi ne boogera nti, "Abantu ba Isirayiri, omwo nga mwe muli bak-
abona n'Abaleevi, tebeeyawudde ku mawanga agabaliraanye n'ebikolwa
byabwe eby'emizizo. Tebeeyawudde ku Bakanani, ne ku Bakiiti ne ku
Baperizi ne ku Bayebusi ne ku Bamoni ne ku Bamowaabu ne ku Bamisiri
ne ku Bamoli.
2 Bawasizza abamu ku bawala baabwe, n'abawala ne bafumbirwa
abamu ku batabani baabwe, bwe kityo eggwanga ettukuvu ne lyetabula
n'amawanga agabeetoolodde. Ku nsonga eyo abakulembeze n'abakungu,
be basinze okwonoona."
3 Awo bwe nawulira ebigambo ebyo, ne njuza ekkanzu yange
n'omunagiro gwange,† ne nkunyuula enviiri ku mutwe gwange ne mu
kirevu kyange ne ntuula wansi nga nnakuwadde.
4 Bonna abatya ebigambo bya Katonda wa Isirayiri ne bakuŋŋaanira we
ndi, olw'obutali bwesigwa obw'abaawaŋŋangusibwa. Ne ntuula wansi
nga nnakuwadde okutuusa ekiseera eky'ekiweebwayo eky'akawungeezi
bwe kyatuuka.
5 Awo mu kiseera eky'ekiweebwayo eky'akawungeezi ne ngolokoka
okuva we nnali ntudde, n'ekkanzu yange enjulifu n'omunagiro gwange
omuyulifu, ne nfukamira ne ngolola emikono gyange eri MUKAMA Katonda
wange,
6 ne nsaba nti:

"Ayi Katonda wange, nkwatiddwa ensonyi, era sisobola kuyimusa maaso gange eri gwe Katonda wange, kubanga obutali butuukirivu bwaffe busukiridde emitwe gyaffe, n'omusango gwaffe gutuuse mu ggulu.

7 Okuva mu biro bya bajjajjaffe n'okutuusa leero, omusango gugenze
gweyongera; era olw'obutali butuukirivu bwaffe, bakabaka baffe, ne

* **8:36** bagavana be baakulirwanga abaamasaza. * **9:1** Bino byabaawo oluvannyuma lw'emyezi mwenda, Ezra ng'akomyewo mu Yerusaalemi. † **9:3** Okuyuza ebyambalo kaali kabonero akalaga okukungubaga.

bakabona baffe baweereddwayo mu mukono gwa bakabaka ab'ensi, n'eri
ekitala, n'eri obusibe, n'eri obunyazi, n'eri obuswavu obungi, nga bwe kiri
mu nnaku zino.
8 "Naye kaakano, akaseera katono, MUKAMA Katonda waffe atulaze
ekisa n'atulekawo ffe abatono, n'atuwa ekifo ekisooka era ekinywevu
mu watukuvu we, Katonda waffe n'amulisa amaaso gaffe, n'atuwa
okuweeraweerako akatono mu busibe bwaffe.
9 Newaakubadde nga tuli baddu,‡ Katonda waffe tatulekulidde mu
busibe bwaffe, naye atulaze okusaasirwa mu maaso ga bakabaka b'e
Buperusi. Atuwadde obulamu obuggya okuzimba ennyumba ya Katonda
waffe, n'okuddaabiriza ebyo ebyayonooneka, era atutaddeko Bbugwe
okutwetooloola okutukuuma mu Yuda ne mu Yerusaalemi.
10 "Kaakano Katonda waffe tunaayogera ki oluvannyuma lw'ebyo?
Twaleka amateeka go
11 ge watuwa ng'oyita mu baddu bo bannabbi, bwe wayogera nti, 'Ensi
gye mugenda okulya, nsi ejjudde obutali bulongoofu olw'abantu baamu,
era bagijjuzizza ebikolwa eby'obugwagwa enjuuyi zonna.
12 Noolwekyo temuwaayo bawala bammwe kufumbirwa batabani
baabwe newaakubadde batabani bammwe okuwasa bawala baabwe.
Temwongeranga ku bulungi bwabwe newaakubadde obugagga bwabwe,
mulyoke mube n'amaanyi mulye ebirungi by'ensi, ate era mubirekere
n'abaana bammwe okuba omugabo ogw'emirembe n'emirembe.'
13 "Bino byonna bitutuuseeko olw'ebikolwa byaffe ebitali bya bu-
tuukirivu n'olw'omusango omunene gwe tulina, ate nga Katonda waffe
totubonerezza ng'ebikolwa byaffe bwe biri, naye otuleseewo nga bwe
tuli kaakano.
14 Tunaayinza nate okumenya ebiragiro byo ne tuwasa mu mawanga
ago agakola ebitasaana? Tolitunyiigira nnyo n'okusingawo n'otuzikiriza
obutalekaawo muntu yenna?
15 Ayi MUKAMA Katonda wa Isirayiri oli mutuukirivu, era otuleseewo
ffe ekitundu kino leero. Laba tuli mu maaso go nga tuzzizza omusango,
newaakubadde nga tewali eyandisobodde okuyimirira mu maaso go."

# 10

*Abantu Baatula Ekibi Kyabwe*

1 Awo Ezera bwe yali ng'asaba, ng'ayatula ebibi mu lwatu, ng'akaaba,
era ng'avunnamye mu maaso g'ennyumba ya Katonda, ekibiina ekinene
eky'Abayisirayiri, abasajja, n'abakyala, n'abaana ne bakuŋŋaana gy'ali,
nabo nga bakaaba nnyo nnyini.
2 Awo Sekaniya mutabani wa Yekyeri, omu ku bazzukulu ba Eramu
n'agamba Ezera nti, "Tetubadde beesigwa eri Katonda waffe, kubanga
twawasa abakazi bannaggwanga ab'oku mawanga agatwetoolodde. Naye
newaakubadde nga twakola bwe tutyo, wakyaliwo essuubi eri Isirayiri.
3 Noolwekyo tukole endagaano ne Katonda waffe tuve ku bakazi abo
bonna n'abaana be twabazaalamu, ng'okuteesa kwa mukama wange
n'abo abatya ebiragiro bya Katonda waffe bwe kuli, era kikolebwe
ng'etteeka bwe litulagira.
4 Golokoka kubanga obuvunaanyizibwa obwo buli mu mukono gwo era
tuli beeteefuteefu okukuwagira, noolwekyo guma omwoyo okikole."

‡ **9:9** Abayudaaya baali bakyafugibwa.

5 Awo Ezera n'agolokoka n'alayiza bakabona abakulu n'Abaleevi ne
Isirayiri yenna okukola nga bwe kyateesebwa. Ne balayira.
6 Ezera n'agolokoka n'ava mu maaso g'ennyumba ya Katonda n'agenda
mu kisenge kya Yekokanani mutabani wa Eriyasibu, naye n'atalya mmere
newaakubadde okunywa amazzi ng'akyanakuwalidde obutali bwesigwa
bw'abaawaŋŋangusibwa.
7 Awo ekirango ne kiyisibwa mu Yuda yonna ne mu Yerusaalemi nti
abawaŋŋangusibwa abaakomawo bakuŋŋaanire mu Yerusaalemi.
8 Era ne kigambibwa nti omuntu yenna aliba tazze mu nnaku ssatu,
alifiirwa ebintu bye byonna, ate n'agobebwa ne mu kuŋŋaaniro lya
baawaŋŋangusibwa.

9 Mu nnaku ssatu, abasajja bonna aba Yuda ne Benyamini ne
bakuŋŋaanira e Yerusaalemi. Awo ku lunaku olw'amakumi abiri
olw'omwezi ogw'omwenda abantu bonna ne batuula mu luggya olugazi
mu maaso g'ennyumba ya Katonda nga banakuwavu olw'ensonga eyo ate
era n'olw'enkuba eyatonnya.
10 Awo Ezera kabona n'ayimirira n'abagamba nti, "Mwayonoona bwe
mwawasa abakazi bannamawanga ne mwongera ku musango gwa Isir-
ayiri.
11 Kaakano mwatule ebibi byammwe eri MUKAMA Katonda wa bajja-
jjammwe, mukole ebyo by'asiima. Mweyawule ku mawanga agabee-
toolodde era muleke n'abakazi bannamawanga."
12 Awo ekibiina kyonna ne kiddamu n'eddoboozi ery'omwanguka nti,
"Oli mutuufu, tuteekwa okukola nga bw'ogambye.
13 Naye abantu bangi, era n'ekiseera kya nkuba, tetuyinza kuyimirira
bweru. N'ensonga eyookubiri, omulimu guno teguyinza kukolebwa mu
lunaku lumu oba mu nnaku bbiri, kubanga twonoonye nnyo nnyini mu
kigambo ekyo.
14 Abakulu baffe beeyimirire olukuŋŋaana lwonna, na buli muntu
awamu n'abakadde n'abalamuzi aba buli kibuga mu bibuga byaffe
eyawasa omukazi omunnaggwanga, ajje mu kiseera ekiragaane alongoose
ensonga eyo, okutuusa obusungu bwa Katonda waffe lwe bulituvaako
olw'ekigambo ekyo."
15 Yonasaani mutabani wa Asakeri ne Yozeya mutabani wa Tikuva,
nga bawagirwa Mesullamu ne Sabbesayi Omuleevi be bokka abawakanya
ekiteeso ekyo.
16 Awo abaava mu buwaŋŋanguse ne bakola ng'ekiteeso bwe
kyali. Ezera kabona n'abaalondebwa ku bakulu b'ennyumba, omu
mu buli nnyumba ne baawulibwa mu mannya gaabwe. Ku lunaku
olw'olubereberye olw'omwezi ogw'ekkumi ne batuula okunoonyereza ku
bigambo ebyo;
17 ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye ne bamal-
iriza ensonga eyo ey'abasajja bonna abaali bawasizza abakazi abanna-
mawanga.

### *Abaasingibwa Omusango*

18 Mu lulyo olwa bakabona, abaali bawasizza abakazi banna-
mawanga baali:

Maaseya, ne Eryeza ne Yalibu ne Gedaliya bazzukulu ba Yesuwa
mutabani wa Yozadaki ne baganda be.
19 Ne bamalirira okulekayo bakazi baabwe abo, n'omutango gwe
baawaayo olw'omusango gwali ndiga nnume.

20 Ku bazzukulu ba Immeri:
Kanani ne Zebadiya.
21 Ku bazzukulu ba Kalimu:
Maaseya, ne Eriya, ne Semaaya, ne Yekyeri ne Uzziya.
22 Ku bazzukulu ba Pasukuli:
Eriwenayi, ne Maaseya, ne Isimayiri, ne Nesaneri, ne Yozabadi ne Erasa.

23 Ku Baleevi:
Yozabadi, ne Simeeyi, ne Keraya (era ye Kerita), ne Pesakiya, ne Yuda ne Eryeza.
24 Ku bayimbi:
Eriyasibu,
ne ku baakuumanga wankaaki:
Sallumu, ne Teremu ne Uli.

25 Mu Bayisirayiri abalala:
Ku bazzukulu ba Palosi:
Lamiya, ne Izziya, ne Malukiya, ne Miyamini, ne Eriyazaali, ne Malukiya ne Benaya.
26 Ku bazzukulu ba Eramu:
Mattaniya, ne Zekkaliya, ne Yekyeri, ne Abudi, ne Yeremoosi ne Eriya.
27 Ku bazzukulu ba Zattu:
Eriwenayi, ne Eriyasibu, ne Mattaniya, ne Yeremoosi, ne Zabadi, ne Aziza.
28 Ku bazzukulu ba Bebayi:
Yekokanani, ne Kananiya, ne Zabbayi ne Asulaayi.
29 Ku bazzukulu ba Bani:
Mesullamu, ne Malluki, ne Adaya, ne Yasubu, ne Seyaali ne Yeremoosi.
30 Ku bazzukulu ba Pakasumowaabu:
Aduna, ne Kerali, ne Benaya, ne Maaseya, ne Mattaniya, ne Bezaleeri, ne Binnuyi ne Manase.
31 Ku bazzukulu ba Kalimu: Eryeza, ne Isusiya, ne Malukiya,
ne Semaaya, ne Simyoni,
32 ne Benyamini, ne Malluki, ne Semaliya.
33 Ku bazzukulu ba Kasumu:
Mattenayi, ne Mattata, ne Zabadi, ne Erifereti, ne Yeremayi, ne Manase, ne Simeeyi.
34 Ku bazzukulu ba Baani:
Maadayi, ne Amulaamu, ne Uweri,
35 ne Benaya, ne Bedeya, ne Keruki,
36 ne Vaniya, ne Meremoosi, ne Eriyasibu,
37 ne Mattaniya, ne Mattenayi, ne Yaasu,
38 ne Bani, ne Binnuyi,
ne Simeeyi,
39 ne Seremiya, ne Nasani, ne Adaya,
40 ne Makunadebayi, ne Sasayi, ne Salaayi,
41 ne Azaleri, ne Seremiya, ne Semaliya,
42 ne Sallumu, ne Amaliya ne Yusufu.
43 Ku bazzukulu ba Nebo:
Yeyeri, ne Mattisiya, ne Zabadi, ne Zebina, ne Iddo, ne Yoweeri ne Benaya.

44 Abo bonna baali bawasizza abakazi bannamawanga, n'abamu
ku bo nga babazaddemu abaana.

# Ekitabo Ekiyitibwa Nekkemiya

*Okusaba kwa Nekkemiya*

1 Ebigambo bya Nekkemiya mutabani wa Kakaliya:

Awo mu mwezi gwa Kisuleevu mu mwaka ogw'amakumi abiri* bwe nnali nga ndi mu lubiri mu kibuga ekikulu ekya Susani,†

2 Kanani, omu ku baganda bange, n'ajja n'abamu ku basajja okuva mu Yuda, ne mubuuza ku bikwata ku kitundu ky'Abayudaaya ekyasigalawo, ne ku bifa mu Yerusaalemi.

3 Ne bantegeeza nti, "Abaawaŋŋangusibwa abaddayo mu ssaza‡ bali mu kabi kanene ne mu nnaku nnyingi; bbugwe wa Yerusaalemi yamenyebwa, era ne wankaaki waakyo yayokebwa omuliro."

4 Awo bwe nawulira ebigambo ebyo, ne ntuula wansi ne nkaaba, ne mmala ebiro nga nnakuwadde, nga nsiiba era nga nsaba mu maaso ga Katonda w'eggulu.

5 Ne njogera nti,

"Ayi Mukama Katonda w'eggulu, Katonda omukulu ow'entiisa, akuuma endagaano ye, era ayagala abo abagondera amateeka ge.

6 Ozibule amaaso go, otege okutu okuwulira okusaba kw'omuddu wo kwe nsaba mu maaso go emisana n'ekiro ku lwa baddu bo abantu ba Isirayiri. Njatula ebibi bye twakola, ffe Abayisirayiri, nga nange n'ennyumba ya kitange mwe tuli.

7 Twasobya mu maaso go, ne tutagoberera mateeka go n'ebiragiro byo bye watuma omuddu wo Musa.

8 "Jjukira ebiragiro bye wawa omuddu wo Musa, ng'oyogera nti, 'Bwe mutaabeerenga beesigwa, ndibasaasaanya mu mawanga,

9 naye bwe mulikyuka ne mukomawo gye ndi, ne mugondera amateeka gange, abantu bammwe abaawaŋŋangusibwa ne bwe banaabeeranga ku nkomerero y'eggulu, ndibakuŋŋaanyayo ne mbaleeta mu kifo kye neeroboza okubeerangamu Erinnya lyange.'

10 "Abo be baddu bo era be bantu bo be wanunula n'amaanyi go amangi era n'omukono gwo ogw'amaanyi.

11 Ayi Mukama, otege okutu eri okusaba kw'omuddu wo n'eri okusaba kw'abaddu bo abatya erinnya lyo. Omuddu wo omusobozese okulaba ekisa mu maaso g'omusajja ono."

Ebiro ebyo nnali musenero wa kabaka.

## 2

*Alutagizerugizi Aweereza Nekkemiya e Yerusaalemi*

---

* **1:1** Bino byabaawo oluvannyuma lw'emyaka kyenda mu gumu (91), ng'abaawaŋŋangusibwa bakomyewo; nga mu mwaka 446 BC. † **1:1** Susani ky'ekibuga bakabaka b'e Buperusi abasatu gye baabeeranga mu biseera eby'obutiti. Ekibuga ekyo kyali mu kiwonvu ky'omugga Tigiriisi. ‡ **1:3** Obwakabaka bwa Buperusi bwalina amasaza asatu. Essaza lya Yuda lyafugibwanga mu Samaliya.

1 Awo mu mwezi gwa Nisani mu mwaka ogw'amakumi abiri ku
mulembe gwa Kabaka Alutagizerugizi*, nga bamuleetedde wayini, ne
nzirira wayini ne muwa kabaka. Nnali sinakuwalirangako mu maaso ge.
2 Kabaka n'ambuuza nti, "Kiki ekikunakuwazizza otyo ng'omulwadde?
Kino si kigambo kirala wabula obuyinike obw'omu mutima."
Ne ntya nnyo,
3 naye ne ŋŋamba kabaka nti, "Kabaka abeere omulamu emirembe
gyonna. Lwaki sinakuwala ng'ekibuga bajjajjange gye baaziikibwa kizise,
nga ne wankaaki waakyo yayokebwa omuliro?"
4 Kabaka n'ambuuza nti, "Kiki ky'oyagala?" Awo ne nsaba eri Katonda
w'eggulu,
5 n'oluvannyuma ne nziramu kabaka nti, "Kabaka bw'anasiima, era
omuddu wo bw'anaalaba ekisa mu maaso go, ansindike ŋŋende mu Yuda,
mu kibuga bajjajjange gye baaziikibwa, nkiddaabirize."
6 Awo kabaka, ne mukyala we ng'amuli ku lusegere, n'ambuuza nti,
"Olugendo lwo luliba lwa nnaku meka, era olidda ddi?" Kabaka n'asiima
okuntuma, ne neegerera ekiseera.
7 Ne nsaba kabaka nti, "Kabaka bw'anaasiima, awandiikire abaamasaza
abali emitala w'omugga Fulaati ebbaluwa, ntambule mirembe okutuuka
mu Yuda.
8 Ate era nsaba ebbaluwa gye nnaatwalira Asafu omukuumi w'ekibira
kya kabaka, ampe emiti gye ndikolamu embaawo ez'okubajjamu en-
zigi za yeekaalu, n'eza wankaaki wa bbugwe w'ekibuga, n'ekifo we
nnaabeeranga." Olw'omukono gwa Katonda wange ogwali nange, kabaka
n'ampa bye namusaba.
9 Awo ne ndaga eri abaamasaza abaali emitala w'omugga Fulaati ne
mbakwasa ebbaluwa eziva ewa kabaka. Kabaka yampa abakungu b'eggye
n'abeebagala embalaasi okumperekerako.
10 Naye Sanubalaati† Omukoloni ne Tobiya omukungu Omwamoni
bwe baakiwulira, ne banyiiga nnyo bwe baamanya nga waliwo omuntu
afuddeyo ku mbeera y'abaana ba Isirayiri.

### *Nekkemiya Alambula Bbugwe wa Yerusaalemi*

11 Ne ntuuka e Yerusaalemi, ne mbeerayo ennaku ssatu,
12 ne ngolokoka mu kiro ne ntambulatambula n'abamu ku basajja, naye
ne sibuulira muntu n'omu ku ebyo Katonda wange bye yali atadde ku
mutima gwange okukolera Yerusaalemi. Twagenda n'ensolo emu yokka
gye nnali neebagadde.
13 Ekiro ekyo ne mpita mu Mulyango ogw'omu Kiwonvu‡ ne njolekera
Oluzzi olw'Omusege, n'Omulyango ogw'Obusa,§ ne ŋŋenda nga neete-
gereza bbugwe wa Yerusaalemi eyali amenyeddwa, ne wankaaki waakyo
eyayokebwa omuliro.
14 N'oluvannyuma ne neyongerayo eri Omulyango ogw'Oluzzi n'eri
Ekidiba kya Kabaka, naye ensolo yange n'eteyinza kuyitawo.
15 Kyennava nserengeta mu kiwonvu ekiro nga ŋŋenda neetegereza
bbugwe. Bwe namaliriza ne nkyuka ne nkomawo nga mpitira mu
Mulyango ogw'omu Kiwonvu.

---

* **2:1** Alutagizerugizi ye Akaswero † **2:10** Sanubalaati ye yali owessaza wa Samaliya. ‡ **2:13** Omulyango ogwo gwali ku luuyi olw'ebugwanjuba bwa bbugwe wa Yerusaalemi. § **2:13** Omulyango ogw'Obusa gw'omulyango Abayudaaya gwe baagoberangamu ensolo ez'ekiweebwayo, nga bazitwala mu Kiwonvu ky'abaana ba Kinomu (laba 3:13-14; 2Bk 23:10).

16 Abakungu tebaamanya gye nnali ndaze newaakubadde kye nnali
nkola; era nnali sinnabuulirako Bayudaaya newaakubadde bakabona,
newaakubadde abakungu newaakubadde abakulu, n'abalala abaali ba-
teekwa okukola omulimu.
17 Awo ne mbagamba nti, "Mulaba akabi ke tulimu; Yerusaalemi kizise,
ne wankaaki waakyo ayokeddwa omuliro. Mujje tuddaabirize bbugwe wa
Yerusaalemi tuve mu buswavu bwe tulimu."
18 Ne mbategeeza omukono gwa Katonda ogw'ekisa bye gwali
gunkoledde, ne kabaka bye yaŋŋamba. Ne baddamu nti, "Tugolokoke
tutandike okuzimba."

Era ne batandika omulimu.
19 Naye Sanubalaati Omukoloni, ne Tobiya omukungu Omwamoni ne
Gesemu Omuwalabu bwe baakiwulira ne batunyooma n'okutusekerera ne
batusekerera. Ne batubuuza nti, "Kiki kye mukola? Mwagala kujeemera
kabaka?"
20 Ne mbaddamu nti, "Katonda w'eggulu alituyamba okukituukiriza,
era ffe abaddu be tulitandika okuzimba, naye mmwe temulina mugabo
newaakubadde obusika newaakubadde ekijjukizo mu Yerusaalemi."

# 3

### *Amannya g'abo Abaazimba Bbugwe*

1 Awo Eriyasibu kabona asinga obukulu wamu ne baganda be bakabona
ne batandika okukola n'okuddaabiriza Omulyango gw'Endiga. Ne bagu-
wonga eri Mukama, ne bazzaamu n'enzigi zaagwo. Ne bakola okutuukira
ddala ku Munaala gwe Kikumi, n'okweyongerayo okutuuka ku Munaala
gwa Kananeri, ekifo kyonna ne bakiwonga eri Mukama.
2 Abasajja ab'e Yeriko ne bazimba ekitundu ekyaddirira, ne Zakkuli
mutabani wa Imuli n'addaabiriza ekitundu ekyali kiddiridde.

3 Batabani ba Kassena ne bazimba Omulyango ogw'Ebyennyanja, ne
bazzaawo emyango n'enzigi zaagwo, n'eminyolo n'ebyuma byagwo mu
kifo kyabyo.
4 Meremoosi mutabani wa Uliya, muzzukulu wa Kakkozi n'addaabiriza
ekitundu ekyaddirira; Mesullamu mutabani wa Berekiya, muzzukulu wa
Mesezaberi n'addaabiriza ekitundu ekyaddako ekya Meremoosi. Zadooki
mutabani wa Baana n'addaabiriza ekitundu ekyali kiriraanyeewo.
5 Abasajja Abatekowa ne baddaabiriza ekitundu ekyaddirira, naye
abakungu baabwe ne bagaana okukolera wansi waabwe.

6 Ne Yoyada mutabani wa Paseya ne Mesullamu mutabani wa Besodeya
ne baddaabiriza Omulyango ogw'Edda, ne bazaamu emyango n'enzigi
zaagwo, n'eminyolo n'ebyuma byagwo.
7 Ekifo ekyaddirira kyaddaabirizibwa Meratiya Omugibyoni n'abasajja
ab'e Gibyoni ne Yadoni Omumeronoosi n'abasajja ab'e Mizupa. Ebyo
by'ebifo ebyafugibwanga ow'essaza eriri emitala w'omugga Fulaati.
8 Wuziyeeri mutabani wa Kalukaya, omuweesi wa zaabu n'addaabiriza
ekitundu ekyaddirira, ne Kananiya omukozi w'obuwoowo, n'addaabiriza
ekitundu ekyaddirira, era abo ne baddaabiririza ddala Yerusaalemi
okutuuka ku Bbugwe Omugazi.
9 Lefaya mutabani wa Kuuli eyafuganga ekitundu ky'eggombolola ya
Yerusaalemi n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira.

10 Ekitundu ekyaddirira kyali kiriraanye ennyumba ya Yedaya mutabani
wa Kalunafu, era ekyo kye yaddaabiriza; n'ekitundu ekyaddako Kattusi
mutabani wa Kasabuneya n'akiddaabiriza.
11 Malukiya mutabani wa Kalimu ne Kassubu mutabani wa Paka-
sumowaabu ne baddaabiriza ekitundu ekirala ekya bbugwe n'Omunaala
ogw'Ekikoomi.
12 Eyaddaabiriza ekitundu ekyaddirira yali Sallumu mutabani wa
Kallokesi ne bawala be, eyafuganga ekitundu ky'eggombolola ya
Yerusaalemi ne bawala be.

13 Kanuni n'abatuuze b'e Zanowa ne baddaabiriza Omulyango ogw'omu
Kiwonvu, ne bazzaamu enzigi zaagwo, n'eminyolo gyagwo n'ebyuma
byagwo mu bifo byabyo; ate era ne baddaabiriza n'ekitundu ekirala ekya
bbugwe, olugendo lwa mita nga kikumi obuwanvu, okutuuka ku Mulyango
ogw'Obusa.

14 Malukiya mutabani wa Lekabu ow'eggombolola y'e Besukakkeremu
n'addaabiriza Omulyango ogw'Obusa, n'azzaamu enzigi zaagwo,
n'eminyolo gyagwo n'ebyuma byagwo mu bifo byabyo.

15 Salluni mutabani wa Kolukoze ow'eggombolola y'e Mizupa
n'addaabiriza Omulyango ogw'Oluzzi, n'azzaamu enzigi zaagwo
n'emiryango gyagwo n'ebyuma byagwo. N'addaabiriza n'ekisenge
eky'Ekidiba kya Seera* ekiriraanye ennimiro ya kabaka, okutuuka ku
madaala agaserengeta okuva mu kibuga kya Dawudi.
16 Nekkemiya mutabani wa Azubuki eyafuganga ekitundu
ky'eggombolola y'e Besuzuli† n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira
okutuuka ku kifo ekyolekera ebiggya bya Dawudi, n'okutuuka ku kidiba
ekyasimibwa, n'okutuuka ku Nnyumba y'Abalwanyi Abazira.
17 Abaleevi nga bakulemberwamu Lekumu mutabani wa Baani
ne baddaabiriza ekitundu ekyaddirira, ne Kasabiya eyafuganga eki-
tundu ky'eggombolola ly'e Keyira n'addaabiriza ekitundu ekyaddako ku
lw'eggombolola ye.
18 Baganda baabwe nga bakulemberwamu Bavvayi mutabani wa Ke-
nadadi eyafuganga ekitundu ekyokubiri eky'egombolola ly'e Keyira ne
baddaabiriza ekitundu ekyaddirira.
19 Ezeri mutabani wa Yesuwa, omukulembeze w'e Mizupa n'addaabiriza
ekitundu ekyaddirira, n'atuuka ku nsonda ya bbugwe, kye kitundu
ekyolekedde awaakumirwanga ebyokulwanyisa.
20 Baluki mutabani wa Zabbayi n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira
n'obunyiikivu bungi, okuva ku nsonda ya bbugwe okutuuka ku mulyango
gw'ennyumba ya Eriyasibu kabona asinga obukulu.
21 Meremoosi mutabani wa Uliya, muzzukulu wa Kakkozi n'addaabiriza
ekitundu ekyaddirira okuva ku mulyango gw'ennyumba ya Eriyasibu
okutuuka ku nkomerero yaayo.
22 Bakabona ab'omu lusenyi ne baddaabiriza ekitundu ekyaddirira.
23 Ekitundu ekyaddirira ne kibuukibwa, Benyamini ne Kassubu ne bad-
daabiriza okwolekera ennyumba yaabwe, Azaliya mutabani wa Maaseya

* **3:15** Seera kye kimu ne Sirowamu † **3:16** Besuzuli yali nkambi ya magye g'abakuumi ba Dawudi (2Sa 23:8-39).

muzzukulu wa Ananiya naye n'addaabiriza ekifo ekiriraanye ennyumba ye.
24 Binnuyi mutabani wa Kenadadi n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira okuva ku nnyumba ya Azaliya okutuuka ku nsonda ya bbugwe,
25 Palali mutabani wa Uzayi n'addaabiriza ekitundu kya bbugwe ku nsonda ya bbugwe, ekyolekedde omunaala ogwazimbibwa ku lubiri lwa kabaka olw'ekyengulu okuliraana oluggya lw'abambowa. Pedaya mutabani wa Palosi
26 n'abakozi ba yeekaalu abaabeeranga ku lusozi Oferi ne baddaabiriza ekitundu ekyaddirira okutuuka ku Mulyango gw'Amazzi ng'agenda ebuvanjuba ne ku munaala ogwazimbibwa.
27 Abasajja b'e Tekowa ne baddaabiriza ekitundu ekyaddirira, okuva ku munaala omunene ogwazimbibwa okutuuka ku bbugwe w'e Oferi.

28 Bakabona ne baddaabiriza ekyengulu w'Omulyango ogw'Embalaasi buli muntu okwolekera ennyumba ye.
29 Zadooki mutabani wa Immeri n'addaabiriza ekifo ekyolekedde ennyumba ye, ne Semaaya mutabani wa Sekaniya omukuumi w'omulyango gw'ebuvanjuba n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira.
30 Kananiya mutabani wa Seremiya ne Kanuni mutabani wa Zalafu ow'omukaaga n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira. Mesullamu mutabani wa Berekiya n'addaabiriza ekitundu ekyaddirira okwolekera amaka ge.
31 Malukiya omu ku baweesi ba zaabu n'addaabiriza ekitundu okutuuka ku nnyumba y'abaweereza ba yeekaalu, ne ku nnyumba ya basuubuzi okwolekera Omulyango Awaakeberebwanga Ebyamaguzi, n'okutuuka ku kisenge ekya waggulu ku nsonda.
32 Abaweesi ba zaabu n'abasuubuzi ne baddaabiriza ekitundu ekiri wakati w'ekisenge ekya waggulu ku nsonda n'Omulyango gw'Endiga.

# 4

*Olukwe olw'Okulemesa Okuzimba*

1 Awo Sanubalaati olwawulira nga tuddaabiriza bbugwe, n'anyiiga nnyo era n'ajjula obuswandi. N'aduulira Abayudaaya
2 mu maaso ga mikwano gye ne mu maaso g'eggye ly'e Samaliya n'ayogera nti, "Bano Abayudaaya abanafu bali ku ki? Balizzaawo bbugwe waabwe? Baliwaayo ssaddaaka? Balimalira mu lunaku lumu? Bayinza okulamusa amayinja okuva mu ntuumu z'ebisaaniiko, ate ebyayokebwa?"
3 Tobiya Omwamoni yali amuyimiridde kumpi, n'ayogera nti, "Ebyo bye bazimba, singa ekibe kinaalinnyako kinaasuula bbugwe waabwe ow'amayinja!"
4 Ne nsaba Katonda nti, "Otuwulire Ayi Katonda waffe kubanga tunyoomebwa. Ebivumo byabwe bizze ku mitwe gyabwe bo, era baweeyo eri okunyagibwa mu nsi eribafuula abasibe.
5 Oleme okubikka ku musango gwabwe newaakubadde ekibi kyabwe okukisangula mu maaso go kubanga bakusunguwazizza mu maaso g'abazimbi."

6 Awo ne tweyongerayo n'okuzimba bbugwe okutuuka wakati w'obugulumivu bwayo, kubanga abantu baakolanga n'obumalirivu.
7 Naye Sanubalaati, ne Tobiya, n'Abawalabu, n'Abamoni, n'Abasudodi bwe baawulira ng'omulimu gw'okuddaabiriza bbugwe wa Yerusaalemi gugenda mu maaso, nga tutandise n'okuziba ebituli, ne banyiiga nnyo.

8 Bonna ne beegatta wamu ne basala olukwe okulwanyisa Yerusaalemi n'okugitabulatabula.

9 Ne tusaba eri Katonda waffe, ne tuteekawo n'abakuumi abaakuumanga emisana n'ekiro.

10 Mu kiseera kyekimu abantu b'e Yuda ne boogera nti, "Abakozi bagenda baggwaamu amaanyi, ate nga wakyaliwo ebifunfugu bingi nnyo, tetuyinza kuddaabiriza bbugwe."

11 N'abalabe baffe ne boogera nti, "Baliba tebanamanya newaakubadde okukiraba, tulibagwako kiyiifuyiifu, era tulibatta ne tukomya omulimu."

12 Awo Abayudaaya abaali babeera okumpi nabo ne bajja ne batulabula emirundi kkumi, nga boogera nti, "Balitulumba enjuuyi zonna."

13 Kyennava nteeka abamu ku bantu mu njuyi eza wansi eza bbugwe awali amabanga, nga balina ebitala, n'amafumu n'emitego n'obusaale.

14 Bwe namala okulaba embeera bwe yali, ne ngolokoka ne ŋŋamba abakungu, n'abakulu, n'abantu abalala nti, "Temubatya. Mujjukire Mukama, omukulu era ow'entiisa, mulwanirire baganda bammwe, ne batabani bammwe, ne bawala bammwe, ne bakyala bammwe n'amaka gammwe."

15 Awo abalabe baffe bwe baawulira nga tutegedde olukwe lwabwe, nga Katonda alemesezza enteekateeka yaabwe, ffenna ne tuddayo ku bbugwe, buli muntu ku mulimu gwe.

16 Okuva ku lunaku olwo, ekitundu ku basajja bange bazimbanga n'ekitundu ekirala nga bakutte amafumu, n'engabo, n'obusaale n'ebyokulwanyisa ebirala. Abakulembeze bonna ne bawagira abantu bonna aba Yuda abaali bazimba bbugwe.

17 Abeetikkanga, baasitulanga n'omukono gumu eby'okuzimbisa n'omulala ne gukwata ekyokulwanyisa,

18 na buli muzimbi yalina ekitala mu kiwato kye ng'akola. Naye omusajja eyafuwanga ekkondeere yambeeranga kumpi.

19 Ne ŋŋamba abakungu n'abakulu n'abantu abalala nti, "Omulimu munene ate mugazi, ate twesudde amabanga ku bbugwe, buli muntu ali wala ne munne.

20 Buli kifo gye munaawuliriranga eddoboozi ly'ekkondeere nga mujja okutudduukirira. Katonda waffe alitulwanirira."

21 Ne tweyongerayo n'omulimu, ekitundu ekimu ne kikwatanga amafumu obudde we bwakereranga okutuusa emmunyeenye lwe zaalabikanga.

22 Mu biro ebyo, ne nnyongera okutegeeza abantu nti, "Buli muntu n'oyo amubeera, basigalenga mu Yerusaalemi ekiro, bakuumenga ekiro, naye emisana babe nga bakola."

23 Tewaali n'omu ku ffe newaakubadde nze newaakubadde baganda bange newaakubadde abasajja bange wadde abakuumi, eyayambulangamu engoye; buli omu yalina ekyokulwanyisa kye, ne bwe yagendanga ku luzzi.

# 5

*Nekkemiya Ayamba Abaavu*

1 Awo ekibinja ky'abasajja ne bakazi baabwe ne bakaayana nnyo olwa baganda baabwe Abayudaaya.

2 Abamu ku bo ne boogera nti, “Ffe, ne batabani baffe ne bawala baffe tuli bangi nnyo, tulina okufuna eŋŋaano ey’okulya okutubeezaawo nga tuli balamu.”
3 Abamu ne boogera nti, “Twasingawo ebibanja byaffe, n’ennimiro zaffe ez’emizabbibu n’amaka gaffe tuleme okufa enjala mu kyeya.”
4 N’abalala ne boogera nti, “Twewola sente okusobola okusasula omusolo gwa kabaka ku bibanja byaffe ne ku nnimiro zaffe ez’emizabbibu.
5 Newaakubadde nga tuli omusaayi gumu ne baganda baffe, n’abaana baffe baana baabwe, kyatuleetera okuwaliriza batabani baffe ne bawala baffe okubawaayo mu buddu. Abamu ku bawala baffe twali twabawaayo dda mu busibe; kaakano tetusobola kununula bibanja byaffe ebyo kubanga abantu abalala baabitwala awamu n’ennimiro zaffe ez’emizabbibu.”
6 Bwe nawulira okukaaba kwabwe n’ebigambo ebyo ne nsunguwala nnyo.
7 Ne mbirowoozaako, ne nnenya abakungu n’abafuzi. Ne mbagamba nti, “Muggya omusolo ku baganda bammwe ne mukola amagoba!” Kyennava mpita olukuŋŋaana olunene okugonjoola ensonga ezo,
8 ne mbagamba nti, “Twakola kye tusobola okununula baganda baffe Abayudaaya abaatundibwa mu bannamawanga, naye mmwe mutunda baganda bammwe, ffe ne tubagula okuva ku be mubaguzizza!” Ne basiriikirira, kubanga tebaalina kyakuddamu.
9 Ne nyongera okubagamba nti, “Kye mukola si kirungi. Tekibagwanidde okutambula nga mutya Katonda waffe, okwewala okuswala mu maaso g’abalabe baffe, bannamawanga?
10 Nze, baganda bange ne basajja bange, tuwola abantu ensimbi n’emmere ey’empeke, naye ekigambo ky’okuggya omusolo ku bantu nga kuliko amagoba kikome.
11 Mubaddize leero ebibanja byabwe, n’ennimiro zaabwe ez’emizabbibu, n’ez’emizeeyituuni, n’ennyumba zaabwe, ne ku misolo gye mu bawooza, mubaddize kimu kya kikumi ku nsimbi, ne ku mmere ey’empeke ne ku wayini omuggya ne ku mafuta.”
12 Awo ne baddamu nti, “Tulibibaddiza, so tetuliddayo kubasaba kintu kyonna. Tunaakola nga bw’olagidde.”
Kyennava mpita bakabona ne ndayiza abakungu n’abakulembeze okukola ebyo bye baasuubiza.
13 Ne nkunkumula ne nsawo ez’ekyambalo kyange ne njogera nti, “Mukama Katonda akole bw’atyo ennyumba y’omuntu oyo, n’eby’obugagga bwe abimuggyeko, ataakole nga bw’asuubizza. Omuntu oyo akunkumulibwe bw’atyo aleme okusigaza ekintu!”
Olukuŋŋaana lwonna ne baddamu nti, “Amiina, era Mukama yeebazibwe.” Abantu ne bakola nga bwe baasuubiza.
14 Ate era okuva mu kiseera mwe nalondebwa okuba owessaza w’ensi ya Yuda, mu mwaka ogw’amakumi abiri ogw’obufuzi bwa Kabaka Alutagizerugizi okutuuka ku mwaka ogw’amakumi asatu mu ebiri, gy’emyaka ekkumi n’ebiri, nze newaakubadde baganda bange tetwalya ku mmere eyatugerekebwa, eyali eteekwa okuba ey’owessaza.
15 Naye abessaza abansooka baazitoowerezanga abantu, nga babawooza ekitundu kya kilo eya ffeeza, ne bagattako emmere ne wayini. Naye nze si bwe nakolanga, olw’okutya Katonda.
16 Ne mmalirira okukola omulimu ku bbugwe oyo, nze n’abasajja bange bonna ne twewaayo okukola ne tutadda mu kululunkanira ttaka.

17 Abantu kikumi mu ataano, Abayudaaya abaabulijjo n'abakulu, be baaliranga awamu nange ku mmeeza, okwo nga kw'otadde n'abaava mu mawanga agaatuliraananga.

18 Buli lunaku ente emu, n'endiga ensava mukaaga n'enkoko nga tezibuzeeko bye byantegekerwanga, ne buli nnaku kkumi ne nfunanga wayini owa buli kika. Wakati mu ebyo byonna saasaba mmere eyali eteekwa okuweebwa owessaza, kubanga abantu baandizitoowereddwa nnyo.

19 Nzijukira Ayi Katonda wange, olw'ebyo byonna bye nkoledde abantu bano.

# 6

*Okuwakanya Okuzimba Bbugwe Kweyongera*

1 Awo Sanubalaati, ne Tobiya ne Gesemu Omuwalabu n'abalabe baffe abalala bwe baawulira nga nzimbye bbugwe era nga tewali mabanga gaasigalamu, newaakubadde nga twali tetunateekamu nzigi mu miryango,

2 Sanubalaati ne Gesemu ne bampeereza obubaka nti, "Jjangu tusisinkane mu kyalo ekimu eky'omu lusenyi lwa Ono."

Naye ekigendererwa kyabwe kyali kundeetako kabi.

3 Kyennava mbatumira ababaka okubategeeza nti, "Nnina omulimu munene, siisobole kuserengeta gye muli. Lwaki ndeka omulimu ne nzija okubasisinkana?"

4 Ne baweereza obubaka bwe bumu emirundi ena, buli mulundi ne mbaddangamu mu ngeri y'emu.

5 Awo Sanubalaati n'antumira omuddu we omulundi ogwokutaano n'ebbaluwa etaali nsibe mu mukono gwe,

6 ng'erimu ebigambo bino nti,

"Tuwulidde mu mawanga, era ne Gesemu akirinako obukakafu, nga ggwe n'Abayudaaya, mweteeseteese okujeema era kyemuvudde muzimba bbugwe, era n'olugambo luyitayita nga ggwe olina enteekateeka ey'okufuuka kabaka waabwe.

7 Kigambibwa nga walonda bannabbi mu Yerusaalemi okukulangiririra nti, 'Mu Yuda mulimu kabaka.' Noolwekyo obubaka obwo nga tebunatwalibwa eri kabaka, jjangu tukkiriziganye ku nsonga eyo."

8 Ne muweereza obubaka nga ŋŋamba nti, "Tewabanga kigambo bwe kityo ku byoyogedde; ogunja bigunje okuva mu mutima gwo."

9 Bonna baali bagezaako okututiisatiisa, nga balowooza nti, "Emikono gyabwe girinafuwa omulimu ne gulema okuggwa." Naye ne nsaba nti, "Ayi Katonda, nyweza emikono gyaffe."

10 Olunaku olumu ne ŋŋenda mu nnyumba ya Semaaya mutabani wa Deraaya, muzzukulu wa Meketaberi; yali yeesibidde mu nnyumba, n'aŋŋamba nti, "Tusisinkane mu nnyumba ya Katonda, mu yeekaalu munda, tuggalewo enzigi za yeekaalu, kubanga bajja okukutta, ekiro kino bajja kukutta."

11 Naye ne nziramu nti, "Omusajja nga nze nnyinza okudduka? Kiki ekitwala omusajja afaanana nga nze* mu yeekaalu okuwonya obulamu bwange? Sijja kugenda yo."

12 Ne nkizuula nga Katonda yali tamutumye, naye yali antegeeza ebigambo ebyo kubanga Tobiya ne Sanubalaati baamugulirira.

---

* **6:11** Abantu abaabulijjo abataali bakabona baali tebakkirizibwa kuyingira mu Watukuvu w'Awatukuvu mu Yeekaalu.

13 Bamugulirira okuntiisatiisa n'okunkozesa ekyo nnyonoone, balyoke
boonoone erinnya lyange nga banjogerako ebigambo ebya swakaba.

14 Ayi Katonda wange ojjukire Tobiya ne Sanubalaati olw'ebikolwa
ebyo, era ojjukire ne Nowadiya nnabbi omukazi ne bannabbi abalala
abaagezaako okuntiisatiisa.

*Bbugwe Amalirizibwa*

15 Bbugwe n'aggwa okukola ku lunaku olw'amakumi abiri mu etaano
mu mwezi ogwa Eruli, mu nnaku amakumi ataano mu bbiri.
16 Abalabe baffe bonna bwe baakiwulira, amawanga gonna agaali
gatwetoolodde ne bamulaba, ne batya era ne baggwaamu omwoyo,
kubanga baalaba ng'omulimu gwakolebwa olw'okubeerwa kwa Katonda
waffe.
17 Ate era mu biro ebyo abakungu ba Yuda baaweerezanga ebbaluwa
eri Tobiya. Tobiya n'aziddangamu.
18 Bangi ku bo mu Yuda abaamulayirira, kubanga yali mukoddomi wa
Sekaniya mutabani wa Ala, ate nga ne mutabani we Yekokanani yali
awasizza muwala wa Mesullamu mutabani wa Berekiya.
19 Baamuwaanawaananga mu maaso gange, n'oluvannyuma ne ba-
mutegeeza bye nayogeranga. Tobiya n'aweerezanga ebbaluwa okuntiisati-
isa.

# 7

1 Bbugwe bwe yaggwa okuzimba nga n'enzigi ziwangiddwamu, abaku-
umi ba wankaaki, n'abayimbi, n'Abaleevi nga bamaze okulondebwa,
2 ne ndyoka nonda muganda wange Kanani awamu ne Kananiya omudu-
umizi w'ekigo okuvunaanyizibwanga Yerusaalemi, kubanga Kananiya yali
yeesigika, ate ng'atya Katonda okusinga abantu abalala bangi.
3 Ne mbagamba nti, "Emiryango gya Yerusaalemi tegiteekwa kug-
gulwawo okutuusa ng'omusana tegunnakaalama nnyo. Abakuumi nga
bakyali ku miryango, muggaleewo muginywereze ddala. Mu batuuze ba
Yerusaalemi, mulondemu abanaakuumanga, abamu ku bo bakuumenga
mu mpalo n'abalala bakuumenga ebifo ebiriraanye ennyumba zaabwe."

*Amannya g'Abaawaŋŋangusibwa Abaakomawo*

4 Ekibuga kyali kinene era nga kigazi naye abantu abaakibeerangamu
nga batono, nga n'ennyumba tezinnaddaabirizibwa.
5 Awo Katonda wange nannumiriza, okuyita abakungu n'abakulembeze,
n'abantu abaabulijjo okujja okwewandiisa ng'ennyiriri zaabwe bwe zaali.
Ne ndaba ekitabo ekyalimu ennyiriri zaabo abaasooka okudda, ne
nsangamu amannya gano:

6 Bano be bantu ab'omu ssaza abaava mu buwaŋŋanguse
abaali banyagiddwa Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni;
ne baddayo e Yerusaalemi ne Yuda, buli muntu mu kibuga
ky'ewaabwe.
7 Bajja ne Zerubbaberi, ne Yesuwa, ne Nekkemiya, ne Azaliya, ne
Laamiya, ne Nakamani, ne Moluddekaayi, ne Birusani, ne Misuperesi, ne
Biguvaayi, ne Nekumu ne Baana.

Gano ge mannya g'Abasajja ba Isirayiri:
8 bazzukulu ba Palosi baali enkumi bbiri mu kikumi mu nsavu mu babiri
(2,172),

9 bazzukulu ba Sefatiya baali bisatu mu nsavu mu babiri (372),
10 bazzukulu ba Ala baali lukaaga mu ataano mu babiri (652),
11 bazzukulu ba Pakasumowaabu abaali ab'olunnyiriri lwa Yesuwa ne Yowaabu baali enkumi bbiri mu lunaana mu kumi na munaana (2,818),
12 bazzukulu ba Eramu baali lukumi mu bibiri mu ataano mu bana (1,254),
13 bazzukulu ba Zattu baali lunaana mu ana mu bataano (845),
14 bazzukulu ba Zakkayi baali lusanvu mu nkaaga (760),
15 bazzukulu ba Binnuyi baali lukaaga mu ana mu munaana (648),
16 bazzukulu ba Bebayi baali lukaaga mu abiri mu munaana (628),
17 bazzukulu ba Azugaadi baali enkumi bbiri mu bisatu mu abiri mu babiri (2,322),
18 bazzukulu ba Adonikamu baali lukaaga mu nkaaga mu musanvu (667),
19 bazzukulu ba Biguvaayi baali enkumi bbiri mu nkaaga mu musanvu (2,067),
20 bazzukulu ba Adini baali lukaaga mu ataano mu bataano (655),
21 bazzukulu ba Ateri ow'olunnyiriri lwa Keezeekiya baali kyenda mu munaana (98),
22 bazzukulu ba Kasumu baali bisatu mu abiri mu munaana (328),
23 bazzukulu ba Bezayi baali bisatu mu abiri mu bana (324),
24 bazzukulu ba Kalifu baali kikumi mu kumi na babiri (112),
25 bazzukulu ba Gibyoni baali kyenda mu bataano (95).

26 Abaava e Besirekemu n'e Netofa baali kikumi mu kinaana mu munaana (188),
27 ab'e Anasosi baali kikumi mu abiri mu munaana (128),
28 ab'e Besuwazumavesi baali amakumi ana mu babiri (42),
29 ab'e Kiriyasuyalimu, n'e Kefira n'e Beerosi baali lusanvu mu ana mu basatu (743),
30 ab'e Laama n'e Geba lukaaga mu abiri mu omu (621),
31 ab'e Mikumasi kikumi mu abiri mu babiri (122),
32 ab'e Beseri n'e Ayi baali kikumi mu abiri mu basatu (123),
33 ab'e Nebo ekyokubiri baali amakumi ataano mu babiri (52),
34 ab'e Eramu ekyokubiri baali lukumi mu bibiri mu ataano mu bana (1,254),
35 ab'e Kalimu baali bisatu mu abiri (320),
36 ab'e Yeriko baali bisatu mu ana mu bataano (345),
37 ab'e Loodi, n'e Kadidi ne Ono baali lusanvu mu abiri mu omu (721),
38 n'ab'e Sena baali enkumi ssatu mu lwenda mu asatu (3,930).

39 Bano be bakabona:
bazzukulu ba Yedaya ow'olunnyiriri lwa Yesuwa baali lwenda mu nsavu mu basatu (973),
40 bazzukulu ba Immeri baali lukumi mu amakumi ataano mu babiri (1,052),
41 bazzukulu ba Pasukuli baali lukumi mu bibiri mu ana mu musanvu (1,247),
42 ne bazzukulu ba Kalimu baali lukumi mu kumi na musanvu (1,017).

43 Ne bano be Baleevi:
bazzukulu ba Yesuwa ow'olunnyiriri lwa Kadumyeri mu nda ya Kodeva baali nsavu mu bana (74).

44 Abayimbi:
bazzukulu ba Asafu baali kikumi mu amakumi ana mu munaana (148).

45 Abaakuumanga wankaaki baali:
bazzukulu ba Sallumu, bazzukulu ba Ateri, bazzukulu ba Talumoni, bazzukulu ba Akkubu, bazzukulu ba Katita, ne bazzukulu ba Sobayi nga bali kikumi mu amakumi asatu mu munaana (138).

46 Abaaweerezanga mu yeekaalu be bano:
bazzukulu ba Zika, bazzukulu ba Kasufa, bazzukulu ba Tabbawoosi,
47 bazzukulu ba Keriso, bazzukulu ba Siya, bazzukulu ba Padoni,
48 bazzukulu ba Lebana, bazzukulu ba Kagaba, bazzukulu ba Samulaayi,
49 bazzukulu ba Kanani, bazzukulu ba Gidderi, bazzukulu ba Gakali,
50 bazzukulu ba Leyaya, bazzukulu ba Lezini, bazzukulu ba Nekoda,
51 bazzukulu ba Gazzamu, bazzukulu ba Uzza, bazzukulu ba Paseya,
52 bazzukulu ba Besayi, bazzukulu ba Meyunimu, bazzukulu ba Nefisimu,
53 bazzukulu ba Bakubuki, bazzukulu ba Kakufa, bazzukulu ba Kalukuli,
54 bazzukulu ba Bazulusi, bazzukulu ba Mekida, bazzukulu ba Kalusa,
55 bazzukulu ba Balukosi, bazzukulu ba Sisera, bazzukulu ba Tema,
56 bazzukulu ba Neziya, ne bazzukulu ba Katifa.
57 Bazzukulu b'abaweereza ba Sulemaani be bano:
bazzukulu ba Sotayi, bazzukulu ba Soferesi, bazzukulu ba Perida,
58 bazzukulu ba Yaala, bazzukulu ba Dalukoni, bazzukulu ba Gidderi,
59 bazzukulu ba Sefatiya, bazzukulu ba Kattiri,
bazzukulu ba Pokeresukazzebayimu, ne bazzukulu ba Amoni.
60 Omuwendo ogw'abaaweerezanga mu yeekaalu ne bazzukulu b'abaweereza ba Sulemaani bonna awamu, gwali bisatu mu kyenda mu babiri (392).

61 Bano wammanga be baava mu bibuga eby'e Temmeera, n'e Terukalusa, n'e Kerubu, n'e Yaddoni, n'e Immeri, naye tebaalina bukakafu bulaga lulyo lwabwe newaakubadde ensibuko gye baava, nti Bayisirayiri:
62 bazzukulu ba Deraya, bazzukulu ba Tobiya, ne bazzukulu ba Nekoda baali lukaaga mu amakumi ana mu babiri (642).

63 Ne ku bakabona kwaliko bazzukulu ba Kobaya,
bazzukulu ba Kakkozi, ne bazzukulu ba Baluzirayi, eyawasa muwala wa Baluzirayi Omugireyaadi, era n'atuumibwa erinnya eryo.
64 Abo waggulu ne banoonya amannya gaabwe mu biwandiiko naye nga tegaliimu, kyebaava baziyizibwa okubeera bakabona nga bayitibwa abatali balongoofu.
65 Era owessaza n'abagaana okulya ku bintu ebitukuvu, okutuusa nga kabona alina Ulimu ne Sumimu azze.

66 Ekibiina kyonna awamu kyali emitwalo ena mu enkumi bbiri mu bisatu mu nkaaga (42,360),
67 obutassaako baweereza baabwe abasajja n'abaweereza baabwe abakazi abaali akasanvu mu bisatu mu asatu mu musanvu (7,337); ate nga baalina n'abayimbi abasajja n'abakazi bibiri mu ana mu bataano (245).

68 Baalina embalaasi lusanvu mu asatu mu mukaaga (736),
ennyumbu ebikumi bibiri mu ana mu ttaano (245),
69 n'eŋŋamira ebikumi bina mu asatu mu ttaano (435), n'endogoyi
kakaaga mu lusanvu mu abiri (6,720).

70 Abamu ku bakulu b'obusolya baawaayo ensimbi okukola omulimu.
Gavana n'awaayo, kilo munaana n'ekitundu eza zaabu, n'ebbensani
amakumi ataano (50), n'ebyambalo bya bakabona ebikumi bitaano mu
asatu (530) mu ggwanika.
71 Abamu ku bakulu b'obusolya ne baawaayo kilo kikumi mu nsanvu
eza zaabu, ne ttani emu n'obutundu bubiri obwa ffeeza mu ggwanika,
olw'omulimu ogwali gukolebwa.
72 Omuwendo gwonna awamu ogwawebwayo abantu abalala gwali
kilo kikumi mu nsanvu eza zaabu, ne ttani emu n'akatundu kamu aka
ffeeza, n'ebyambalo bya bakabona nkaaga mu musanvu.
73 Awo bakabona, n'Abaleevi, n'abaakuumanga wankaaki,
n'abayimbi, n'abamu ku bantu, abaaweerezanga mu yeekaalu, ne
Isirayiri yenna, ne batereera mu bibuga byabwe.

### *Ezera Asoma Etteeka*

Awo mu mwezi ogw'omusanvu,

# 8

1 abantu bonna nga bassa kimu ne bakuŋŋaanira mu kifo ekigazi ekyali
mu maaso g'Omulyango gw'Amazzi. Ne bagamba Ezera omuwandiisi,
okuleeta Ekitabo ky'Amateeka ga Musa, MUKAMA ge yalagira Isirayiri.
2 Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'omusanvu, Ezera
kabona n'aleeta Ekitabo ky'Amateeka mu maaso g'ekibiina ekyalimu
abasajja n'abakazi n'abalala abaali basobola okutegeera.
3 N'akisomera mu kifo ekigazi mu maaso g'Omulyango gw'Amazzi mu
ddoboozi ery'omwanguka, okuva ku makya okutuusa essaawa mukaaga
ez'omu tuntu, mu maaso g'abasajja n'abakazi n'abalala abasobola
okutegeera. Abantu bonna ne bategа amatu okuwulira ebyava mu Kitabo
ky'Amateeka.
4 Ezera omuwandiisi n'ayimirira ku kituuti eky'embaawo kye baazim-
bira omukolo ogwo. Mattisiya, ne Sema, ne Anaya, ne Uliya, ne Kirukiya
ne Maaseya be baamuliraana ku mukono gwe ogwa ddyo, ate Pedaya,
ne Misayeri, ne Malukiya, ne Kasimu, ne Kasubaddana, ne Zekkaliya ne
Mesullamu be baamuliraana ku mukono gwe ogwa kkono.
5 Awo Ezera n'abikkula ekitabo, abantu bonna nga bamutunuulidde
kubanga ekifo we yali ayimiridde kyali waggulu w'abantu bonna, era bwe
yali ng'ayanjuluza ekitabo, abantu bonna ne bayimirira.
6 Ezera ne yeebaza MUKAMA Katonda omukulu; abantu bonna ne
bayimusa emikono gyabwe ne baddamu nti, "Amiina! Amiina!" Ne
bavuunama amaaso gaabwe ku ttaka ne basinza MUKAMA.
7 Yesuwa, ne Baani, ne Serebiya, ne Yamini, ne Akkubu, ne Sabbesayi,
ne Kodiya, ne Masseya, ne Kerita, ne Azaliya, ne Yozabadi, ne Kanani
ne Peraya, Abaleevi ne bannyonnyola abantu Amateeka, abantu nga
bayimiridde mu bifo byabwe.
8 Ne basoma mu Kitabo ky'Amateeka ga Katonda, nga bataputa, era nga
bannyonnyola amakulu, abantu bategeere ebyasomebwa.

9 Naye Nekkemiya owessaza, ne Ezera kabona era omuwandiisi,
n'Abaleevi abaali bayigiriza abantu, ne bagamba abantu bonna nti, "Olu-
naku lwa leero lutukuvu eri MUKAMA Katonda wammwe; temunakuwala
so temukaaba."
10 Nekkemiya n'abagamba nti, "Mugende mulye ebyassava, munywe
n'ebiwoomerera, muweerezeeko n'abo abatalina kye bateeseteese. Leero
lunaku lutukuvu eri Mukama, temunakuwala, kubanga essanyu eriva eri
MUKAMA ge maanyi gammwe."
11 Awo Abaleevi ne bakkakkanya abantu bonna, nga boogera nti,
"Mubeere bakkakkamu kubanga leero lunaku lutukuvu. Temunakuwala."
12 Oluvannyuma abantu bonna ne beddirayo ewaabwe ne balya
ne banywa ne baweerezaako ne bannaabwe abatalina kyakulya, era
ne basanyuka nnyo, kubanga baategeera amakulu g'ebigambo ebya-
bategeezebwa.
13 Ku lunaku olwokubiri olw'omwezi ogwo, abakulu b'ennyumba
awamu ne bakabona n'Abaleevi, ne bakuŋŋaanira eri Ezera omuwandiisi
okusoma n'okutegeera ebigambo by'Amateeka.
14 Ne basanga mu byawandiikibwa mu Mateeka, MUKAMA ge yalagira
Musa, nga Abayisirayiri baali bateekwa okusulanga mu weema mu biseera
eby'embaga ey'omwezi ogw'omusanvu,
15 era nga kibagwanidde okubunyisa amawulire ago n'okulangirira mu
bibuga byabwe byonna ne mu Yerusaalemi, nga boogera nti, "Mugende mu
nsozi mukuŋŋaanye amatabi ag'emizeeyituuni n'ago ag'emizeeyituuni
egy'omu nsiko, n'ag'emikadasi,* n'ag'enkindu, n'ag'emiti emirala egirina
ebikoola ebingi okuzimba weema nga bwe kyawandiikibwa."
16 Awo abantu ne bagenda ne bagaleeta ne beezimbira weema, abamu
ku busolya bwabwe, ne mu mpya zaabwe, ne mu luggya lw'ennyumba
ya Katonda, ne mu kibangirizi okuliraana Omulyango gw'Amazzi, ne mu
kibangirizi okuliraana Omulyango gwa Efulayimu.
17 Awo ekibiina kyonna ekyakomawo okuva mu buwaŋŋanguse, ne
beezimbira weema ne babeera omwo; kubanga okuva mu biro bya
Yesuwa† mutabani wa Nuuni okutuusa ku lunaku olwo, Abayisirayiri baali
tebakwatanga kiseera ekyo bwe batyo. Ne basanyuka nnyo nnyini.
18 Buli lunaku, Ezera n'asomanga mu Kitabo ky'Amateeka ga Katonda
okuva ku lunaku olwasooka okutuusa ku lunaku olwasembayo. Ne
bakwata embaga okumala ennaku musanvu, ne ku lunaku olw'omunaana,
ne bakola olukuŋŋaana, ng'ekiragiro bwe kiri.

# 9

*Abayirisirayiri Baatula Ebibi Byabwe*

1 Awo ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya mu mwezi gwe gumu,
Abayisirayiri ne bakuŋŋaana ne basiiba, nga bambadde ebibukutu era nga
beesiize enfuufu ku mitwe gyabwe.
2 Ab'ezzadde lya Isirayiri beeyawula ku bannamawanga bonna, ne
bayimirira mu bifo byabwe ne baatula ebibi byabwe n'obutali butuukirivu
bwa bajjajjaabwe.
3 Ne bayimirira we baali ne basoma mu Kitabo ky'Amateeka ga MUKAMA
Katonda waabwe, okumala essaawa ssatu, n'oluvannyuma ne baatula era
ne basinza MUKAMA Katonda waabwe okumala essaawa endala nga ssatu.

* **8:15** Emikadasi biti bimpi ebirina akaloosa akalungi. † **8:17** Yesuwa ye Yoswa mutabani wa Nuuni

4 Bano be Baleevi abaali bayimiridde ku madaala: Yesuwa, ne
Baani, ne Kadumyeri, ne Sebaniya, ne Bunni, ne Serebiya, ne Baani
ne Kenani, abaakoowoolanga MUKAMA Katonda waabwe mu ddoboozi
ery'omwanguka.
5 Awo Abaleevi, Yesuwa, ne Kadumyeri, ne Baani, ne Kasabuneya, ne
Serebiya, ne Kodiya, ne Sebaniya ne Pesakiya ne boogera nti, "Muyimirire,
mwebaze MUKAMA Katonda wammwe ow'emirembe n'emirembe."

"Erinnya lyo ligulumizibwe, litiibwe era ligulumizibwe okukira okusinza kwonna n'okutendereza kwonna.

6 Ggwe wekka, ggwe MUKAMA, era ggwe wakola eggulu, n'eggulu erya
waggulu, n'eggye lyalyo lyonna, n'ensi n'ebigirimu byonna, n'ennyanja
n'ebigirimu byonna. Buli kintu gw'okiwa obulamu, era n'eggye ery'omu
ggulu likusinza.

7 "Ggwe MUKAMA Katonda, eyalonda Ibulaamu n'omuggya mu Uli
eky'Abakaludaaya n'omutuuma Ibulayimu.

8 Walaba omutima gwe nga mwesigwa gy'oli, n'okola naye endagaano, okuwa bazzukulu be ensi ey'Abakanani, n'Abakiiti, n'Abamoli, n'Abaperezi, n'Abayebusi, n'Abagirugaasi; era otuukiriza ekyo kye wasuubiza kubanga oli mutuukirivu.

9 "Walaba okubonaabona kwa bajjajjaffe mu Misiri, n'owulira
okukaaba kwabwe ku lubalama lw'Ennyanja Emyufu.*

10 Waweereza obubonero obwewuunyisa n'ebyamagero eri Falaawo,
n'eri abakungu be, n'eri abantu be bonna ab'ensi ye, kubanga wamanya
engeri Abayisirayiri gye baajoogebwamu. Weekolera erinnya eryayatiikirira, n'okutuusa leero.

11 Wayawula mu mazzi g'ennyanja n'ogalaza ebbali n'ebbali mu
maaso gaabwe, ne bayita wakati mu y'oku lukalu, naye abaali babagobérera wabazaaya mu buziba, ng'ejjinja bwe likasukibwa mu mazzi
ag'amaanyi.

12 Emisana wakulemberanga abantu bo n'empagi ey'ekire, era n'ekiro
wabakulemberanga n'empagi ey'omuliro okubamulisiza ekkubo lye baali
bateekwa okukwata.

13 "Wava mu ggulu, n'okka ku Lusozi Sinaayi n'oyogera gye bali.
Wabawa ebiragiro eby'obwenkanya, n'amateeka ag'amazima, byonna
nga birungi.

14 Wabamanyisa Ssabbiiti yo entukuvu, era n'obawa ebiragiro
n'amateeka ng'oyita mu muddu wo Musa.

15 Bwe baalumwa enjala wabawa emmere okuva mu ggulu, ne
bwe baalumwa ennyonta n'obawa amazzi okuva mu lwazi; n'obagamba
bagende balye ensi gye wabalayiririra.

16 "Naye bo bajjajjaffe ne beekulumbaza ne bakakanyaza ensingo
zaabwe ne batagondera biragiro byo.

17 Baagaana okukuwuliriza, ne batassaayo mwoyo okujjukira ebyamagero bye wakolera mu bo. Baakakanyaza ensingo zaabwe, era
mu bujeemu bwabwe ne balonda omukulembeze okuddayo mu buddu
bwabwe. Naye ggwe Katonda asonyiwa, ow'ekisa era ajjudde okusaasira,
alwawo okusunguwala era ajjudde okwagala, tewabaleka.

18 Ne bwe beebumbira ennyana ensanuuse ne boogera nti, 'Ono ye
katonda wammwe eyabaggya mu Misiri,' ne bakola n'ebitasaana bingi,
mu kusaasira kwo okungi tewabaleka mu ddungu.

* **9:9** ye Nnyanja ey'Ebitoogo

19 “Emisana, empagi ey’ekire teyalekerawo kubaluŋŋamya mu kkubo
lyabwe, newaakubadde ekiro, empagi ey’omuliro nayo teyalekerawo
kubaakira mu kkubo lye baali bateekwa okukwata.
20 Wabawa Omwoyo omulungi okubayigiriza, so tewabammanga
manu okulya, era wabawanga n’amazzi okumalawo ennyonta yaabwe.
21 Wabalabirira okumala emyaka amakumi ana mu ddungu, ne
batabulwa kintu, so n’engoye zaabwe tezaayulika newaakubadde ebigere
byabwe okuzimba.
22 “Wabawa obwakabaka n’amawanga, n’obawa na buli nsonda
ey’ebyalo. Baalya ensi ya Sikoni kabaka w’e Kesuboni, n’ensi ya Ogi
kabaka w’e Basani.
23 Wayaza abazzukulu baabwe ne baba bangi ng’emmunyeenye
ez’omu ggulu, n’obaleeta mu nsi gye wagamba bajjajjaabwe okuyingira
bagirye.
24 Bazzukulu baabwe baayingira ne balya ensi, ne bawangula
Abakanani abaabeeranga mu nsi, n’obawaayo mu mikono gyabwe wamu
ne bakabaka baabwe, n’abantu b’ensi zaabwe ne babakola nga bwe
baagala.
25 Baawamba ebibuga ebyaliko bbugwe n’ensi enjimu, ne batwala
amayumba agaali gajudde ebintu ebirungi ebya buli ngeri, enzizi eza-
simibwa edda, n’ennimiro ez’emizabbibu, n’ennimiro ez’emizeeyituuni,
n’emiti egy’ebibala mingi nnyo. Baalya ne bakkuta era ne banyirira,
n’okubasanyusa n’obasanyusanga olw’obulungi bwo.
26 “Naye tebaakugondera, baakujeemera ne batagoberera mateeka
go. Batta bannabbi bo, abaababuuliriranga okudda gy’oli; baakola
ebitasaana.
27 Kyewava obawaayo eri abalabe baabwe ne bababonyaabonya. Naye
nga babonaabona bwe batyo, ne bakukaabirira, n’obawulira okuva mu
ggulu, n’olw’okusaasira kwo okungi ennyo n’obaweereza abaabanunula
era abaabalokola okuva mu mukono gw’abalabe baabwe.
28 “Naye bwe baafunanga emirembe, baddangamu okukola ebibi
mu maaso go. Kyewava obawaayo mu mukono gw’abalabe baabwe,
babafuge. Bwe baakukaabiriranga nate, ng’obawulira okuva mu ggulu,
n’obalokolanga emirundi mingi ng’okusaasira kwo bwe kuli.
29 “Wabalabula okuddamu okugoberera amateeka go, naye ne baba
b’amalala, ne batagondera biragiro byo. Baajeemera ebiragiro,
ebireetera omuntu obulamu bw’aba ng’abigondedde. Baakunyooma ne
bakuvaako, ne bakakanyaza ensingo zaabwe, ne bagaana okuwulira.
30 Wabagumiikiriza okumala emyaka mingi, Omwoyo wo
n’abayigirizanga ng’ayita mu bannabbi bo, naye ne batassaayo mwoyo,
kyewava obawaayo mu mukono gw’abamawanga agabaliraanye.
31 Naye olw’okusaasira kwo okungi, tewabaviirako ddala so tewa-
baleka, kubanga oli Katonda ow’ekisa era ajjudde okusaasira.
32 “Kale nno, Ayi Katonda waffe, omukulu ow’ekitiibwa, Katonda
ow’entiisa, akuuma endagaano ye ey’okwagala, toganya bizibu bino
byonna kututuukako: ebizibu ebyatuuka ne ku bakabaka baffe, ne ku
bakulembeze baffe, ne ku bakabona baffe, ne ku bannabbi baffe, ne ku
bajjajjaffe, ne ku bantu bo bonna okuva mu biro ebya bakabaka b’e
Bwasuli n’okutuusa leero.
33 Mu byonna ebitutuukako, wali wa bwenkanya, era omwesigwa naye
ffe nga tukola bibi byereere.
34 Bakabaka baffe, n’abakulembeze baffe, ne bakabona baffe, ne

bajjajjaffe, tebaagobereranga mateeka go, nga tebassaayo mwoyo ku biragiro byo newaakubadde nga wabalabulanga.

35 Ne bwe baali mu bwakabaka bwabwe, nga basanyuka nnyo, mu nsi engazi era enjimu, tebaakuweerezanga newaakubadde okukyuka okuleka amakubo gaabwe amabi.

36 "Laba, tuli baddu leero, abaddu mu nsi gye wawa bajjajjaffe okulya ebibala byamu n'ebirungi ebirala by'ereeta.

37 Olw'ebibi byaffe, ebikungulwa eby'ensi eyo ebingi bitwalibwa bakabaka be wassaawo okutufuga. Batufuga n'ente zaffe nga bwe baagala, era tuli mu nnaku nnyingi nnyo."

### *Endagaano ey'Abantu ne Katonda waabwe*

38 "Olw'ebyo byonna, tukola naawe endagaano ey'enkalakkalira, ne tugiteeka mu buwandiike; abakulembeze baffe, n'Abaleevi baffe, ne bakabona baffe ne bagissaako omukono n'envumbo zaabwe."

## 10

1 Abassaako emikono be bano:

Nekkemiya owessaza,
mutabani wa Kakaliya.

Ne Zeddekiya,
2 ne Seraya, ne Azaliya, ne Yeremiya,
3 ne Pasukuli, ne Amaliya, ne Malukiya,
4 ne Kattusi, ne Sebaniya, ne Malluki,
5 ne Kalimu, ne Meremoosi, ne Obadiya,
6 ne Danyeri, ne Ginnesoni, ne Baluki,
7 ne Messulamu, ne Abiya, ne Miyamini,
8 ne Maaziya, ne Birugayi ne Semaaya.
Abo be baali bakabona.

9 Abaleevi be bano:
Yesuwa mutabani wa Azaniya, ne Binnuyi batabani ba Kenadaadi ne Kadimiyeeri
10 n'abaabayambangako be ba Sebaniya, ne Kodiya,
ne Kerita, ne Peraya, ne Kanani,
11 ne Mikka, ne Lekobu, ne Kasabiya,
12 ne Zakkuli, ne Serebiya, ne Sebaniya,
13 ne Kodiya, ne Baani ne Beninu.

14 Abakulembeze b'abantu baali:
Palosi, ne Pakasumowaabu, ne Eramu, ne Zattu, ne Baani,
15 ne Bunni, ne Azugaadi, ne Bebayi,
16 ne Adoniya, ne Biguvaayi, ne Adini,
17 ne Ateri, ne Keezeekiya, ne Azzuli,
18 ne Kodiya, ne Kasumu, ne Bezayi,
19 ne Kalifu, ne Anasosi, ne Nebayi,
20 ne Magupiyasi, ne Mesullamu, ne Keziri,
21 ne Mesezaberi, ne Zadooki, ne Yadduwa,

22 ne Peratiya, ne Kanani, ne Anaya,
23 ne Koseya, ne Kananiya, ne Kassubu,
24 ne Kallokesi, ne Piruka, ne Sobeki,
25 ne Lekumu, ne Kasabuna, ne Maaseya,
26 ne Akiya, ne Kanani, ne Anani,
27 ne Malluki, ne Kallimu ne Baana.

28 "Abantu abalala bakabona, n'Abaleevi, n'abaakuumanga wankaaki, n'abayimbi, n'abaweereza b'omu yeekaalu, n'abo bonna abeeyawula ku mawanga agaali gabaliraanye olw'Amateeka ga Katonda, awamu ne bakyala baabwe, ne batabani baabwe bonna ne bawala baabwe bonna; bonna abamanyi era abategeera
29 beegatte ku baganda baabwe abakungu balayire okugobereranga Amateeka ga Katonda agaabaweebwa Musa omuddu wa Katonda, n'okugonderanga, amateeka gonna, n'ebiragiro, byonna ebya MUKAMA Katonda waffe.
30 "Tusuubiza obutafumbiza bawala baffe mu bantu abatwetoolodde, newaakubadde okukkiriza batabani baffe okuwasa bawala baabwe.
31 "Abantu abamawanga agatwetoolodde, bwe banaaleetanga ebyamaguzi oba ebyokulya okubitunda ku lunaku olwa ssabbiiti, tetuubibagulengako ku Ssabbiiti newaakubadde ku lunaku olwatukuzibwa olulala lwonna. Buli mwaka ogw'omusanvu tetuulimenga ttaka lyaffe, era tunaasonyiwanga be tubanja bonna.
32 "Tunaatwalanga obuvunaanyizibwa okuwangayo eri Katonda waffe kimu kya kusatu ekya sekeri* buli mwaka olw'obuweereza mu nnyumba ya Katonda waffe:
33 olw'emigaati egy'okulaga; olw'ekiweebwayo eky'obutta ekya buli kiseera, n'olw'ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli kiseera, n'olw'ebiweebwayo ebya Ssabbiiti, n'eby'embaga y'omwezi ogwakaboneka, n'embaga ezaateekebwawo n'olw'ebintu ebyatukuzibwa; n'olw'ebiweebwayo olw'ekibi okutangiririra Isirayiri; n'olw'emirimu gyonna egy'omu nnyumba ya Katonda waffe.
34 "Ffe bakabona, n'Abaleevi, n'abantu twekubidde obululu okumanya ebiseera ennyumba zaffe mwe zinaaleeteranga enku mu nnyumba ya Katonda waffe, okwakanga mu kyoto kya MUKAMA Katonda waffe nga kyaka buli mwaka, nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka.
35 "Ate era tutwala obuvunaanyizibwa okulaba nga buli mwaka tuleeta mu nnyumba ya MUKAMA ebibala ebisooka ku bisimbe byaffe ne ku buli muti ogubala ebibala.
36 "Era nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka, tunaaletanga abaana aboobulenzi ababereberye, n'ennyana ennume ezisooka ez'ente zaffe, n'ennyana z'amagana gaffe, n'ez'ebisibo byaffe, eri bakabona abaweereza mu nnyumba ya Katonda waffe.
37 "Tunaaleetanga mu mawanika g'ennyumba ya Katonda waffe, eri bakabona, ekitole ekibereberye ku mmere gye tunaabanga tugoyezza, ne ku biweebwayo byaffe, ne ku bibala ebya buli muti gwaffe ebiriibwa, ne ku wayini waffe, ne ku mafuta. Ate era tunaaleeteranga Abaleevi ekimu eky'ekkumi ku bimera byaffe, kubanga Abaleevi be bakuŋŋaanya ebitundu eby'ekkumi mu byalo byaffe byonna gye tulimira.

* **10:32** sekeri ze gulaamu nnya

38 Kabona, ow'omu lulyo lwa Alooni, yanaawerekeranga abaleevi,
bwe banaabanga bagenze okukima ebitundu eby'ekkumi, era Abaleevi
banaaleetanga kimu kya kkumi ku bitundu eby'ekkumi mu nnyumba ya
Katonda waffe, mu bisenge, mu mawanika.†
39 Abantu ba Isirayiri okwo nga kw'otadde n'Abaleevi, banaaleetanga
ebirabo byabwe eby'emmere ey'empeke, ne wayini omuggya, n'omuzigo
mu mawanika, ebintu eby'omu kifo ekitukuvu gye biterekebwa, era
bakabona abaweereza, n'abakuuma wankaaki n'abayimbi gye babeera.

"Tetuulagajjalirenga nnyumba ya Katonda waffe."

# 11

*Abatuuze Abapya aba Yerusaalemi*

1 Abakulembeze b'abantu ne babeeranga mu Yerusaalemi, abantu
abalala ne bakuba akalulu okulonda omuntu omu ku buli bantu kkumi
okugenda okubeera mu Yerusaalemi, ekibuga ekitukuvu; omwenda bo ne
basigala mu byalo byabwe.
2 Abantu ne beebaza abo bonna abeewaayo okubeera mu Yerusaalemi.

3 Bano be bakungu b'amasaza abaasenga mu Yerusaalemi: Abayisirayiri abamu, nga mwe muli bakabona n'Abaleevi, n'abaweereza ab'omu yeekaalu, ne bazzukulu ba baddu ba Sulemaani; buli omu yabeeranga ku ttaka lye mu kibanja kye.

4 Mu Yerusaalemi mwabeerangamu abamu ku bazzukulu ba Yuda,
n'abamu ku bantu abaava mu Benyamini.

Bazzukulu ba Yuda abaasenga eyo be bano:

Ataya mutabani wa Uzziya, muzzukulu wa Zekkaliya, muzzukulu wa Amaliya, muzzukulu wa Sefatiya, muzzukulu wa Makalaleri, ow'omu lulyo lwa Pereezi;

5 ne Maaseya mutabani wa Baluki, muzzukulu wa Kolukoze, muzzukulu wa Kazaya, muzzukulu wa Adaya, muzzukulu wa Yoyalibu, muzzukulu wa Zekkaliya, ow'omu lulyo lwa Siiro.

6 Bazzukulu ba Pereezi abaasenga mu Yerusaalemi baawerera ddala abasajja ebikumi bina mu nkaaga mu munaana (468), abaali abalwanyi abazira.

7 Bazzukulu ba Benyamini abaasenga eyo be bano:

Sallu mutabani wa Mesullamu, muzzukulu wa Yowedi, muzzukulu wa Pedaya, muzzukulu wa Kolaya, muzzukulu wa Maaseya, muzzukulu wa Isiyeri, muzzukulu wa Yesaya;

8 n'abagoberezi be Gabbayi ne Sallayi, bonna ne bawera abasajja
lwenda mu abiri mu munaana (928).
9 Yoweeri mutabani wa Zikuli ye yali omulabirizi waabwe, ne
Yuda mutabani wa Kassenuwa nga ye mukulu w'Ekitundu Ekyokubiri
eky'ekibuga.
10 Bakabona baali:

Yedaya mutabani wa Yoyalibu, ne Yakini,

11 ne Seraya mutabani wa Kirukiya, muzzukulu wa Mesullamu, muz-
zukulu wa Zadooki, muzzukulu wa Merayoosi, muzzukulu wa Akitubu,
alabirira ennyumba ya Katonda,

---

† **10:38** Mu luggya lwa Yeekaalu mwalingamu amawanika omwaterekebwanga ebintu ebitukuvu.

[12] ne baganda baabwe abaakolanga emirimu mu yeekaalu, be basajja
lunaana mu abiri mu babiri (822); Adaya mutabani wa Yerokamu,
muzzukulu wa Peraliya, muzzukulu wa Amuzi, muzzukulu wa Zekkaliya,
muzzukulu wa Pasukuli, muzzukulu wa Malukiya,

[13] ne baganda be, abaali abakulu b'ennyumba; abasajja ebikumi bibiri
mu ana mu babiri (242); Amasusaayi mutabani wa Azaleri, muzzukulu wa
Azayi, muzzukulu wa Mesiremoosi, muzzukulu wa Immeri,

[14] ne baganda be, abaali abalwanyi abazira; abasajja kikumi mu abiri
mu munaana (128). Omukulu waabwe ye yali Zabudyeri mutabani wa
Kaggedolimu.

[15] Abaleevi baali:

Semaaya mutabani wa Kassubu, muzzukulu wa Azulikamu, muzzukulu wa Kasabiya, muzzukulu wa Bunni;

[16] Sabbesayi ne Yozabadi, abakulu b'Abaleevi, abaavunaanyizibwanga emirimu egy'ebweru egy'ennyumba ya Katonda;

[17] Mattaniya mutabani wa Mikka, muzzukulu wa Zabudi muzzukulu wa Asafu, eyakulemberanga okwebaza mu kiseera eky'okusaba;

Bakubukiya omumyuka we mu baganda be;

ne Abuda mutabani wa Sammuwa, muzzukulu wa Galali, ate muzzukulu wa Yedusuni.

[18] Abaleevi abaabeeranga mu kibuga ekitukuvu bonna awamu, baali ebikumi bibiri mu kinaana mu bana (284).

[19] Abakuumi b'emiryango baali:

Akkubu, ne Talumoni ne baganda baabwe; abaakuumanga emiryango nga bawera abasajja kikumi mu nsanvu mu babiri (172).

[20] Abayisirayiri abalala bonna, awamu ne bakabona, n'Abaleevi,
baabeeranga mu byalo byonna ebya Yuda, buli muntu ng'ali ku butaka
bwe.

[21] Naye abaweereza ba yeekaalu baabeeranga ku lusozi Oferi, era Zika
ne Gisupa be baali abakulu baabwe.

[22] Omukulu w'Abaleevi mu Yerusaalemi yali Uzzi mutabani wa Baani,
muzzukulu wa Kasabiya, muzzukulu wa Mattaniya, era muzzukulu wa
Mikka. Ate era Uzzi yali omu ku bazzukulu ba Asafu, abaakulemberanga
okuyimba mu nnyumba ya Katonda.

[23] Abayimbi baakoleranga ku biragiro bya kabaka, nga buli lunaku bwe
lwetaaganga.

[24] Pesakiya mutabani wa Mesezaberi, omu ku bazzukulu ba Zeera
mutabani wa Yuda, ye yali omusigire wa Kabaka, ku nsonga zonna
ez'abantu.

[25] Abantu abamu aba Yuda baabeeranga mu Kirasualuba n'ebyalo
ebikyetoolodde, n'abalala mu Diboni n'ebyalo ebikyetoolodde, n'abalala
mu Yekabuzeeri n'ebyalo ebikyetoolodde,

[26] n'abalala mu Yesuwa, n'abalala mu Molada n'abalala mu Besupereti,

[27] n'abalala mu Kazalusuwali, n'abalala mu Beeruseba n'ebyalo
ebikyetoolodde,

[28] n'abalala mu Zikulagi, n'abalala mu Mekona n'ebyalo ebikyetoolodde

[29] n'abalala mu Enulimmoni, n'abalala mu Zola, n'abalala mu Yalamusi,

[30] n'abalala mu Zonowa, n'abalala mu Adulamu n'ebyalo
ebikyetoolodde, n'abalala mu Lakisi n'ennimiro ezikyetoolodde, n'abalala
mu Azeka n'ebyalo ebikyetoolodde. Ne basiisira okuva e Beeruseba
okutuuka ku kiwonvu kya Kinomu.

31 Bazzukulu ba Benyamini abaava e Geba baabeeranga mu Mikumasi,
ne mu Ayiya, ne mu Beseri n'ebyalo ebikyetoolodde,
32 ne mu Anasosi, ne mu Nobu, ne mu Ananiya,
33 ne mu Kazoli, ne mu Laama, ne mu Gittayimu,
34 ne mu Kadidi, ne mu Zeboyimu, ne mu Neballati,
35 ne mu Loodi ne mu Ono, ne mu kiwonvu kya babumbi.
36 Abamu ku b'omu bibinja by'Abaleevi aba Yuda, ne beegatta ku b'omu
Benyamini.

# 12

*Bakabona n'Abaleevi*

1 Bano be bakabona n'Abaleevi abaakomawo ne Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri ne Yesuwa:

Seraya, ne Yeremiya, ne Ezera,*
2 ne Amaliya, ne Malluki, ne Kattusi,
3 ne Sekaniya, ne Lekumu, ne Meremoosi,
4 ne Iddo, ne Ginnesoyi, ne Abiya,
5 ne Miyamini, ne Maadiya, ne Biruga,
6 ne Semaaya, ne Yoyalibu, ne Yedaya,
7 ne Sallu, ne Amoki, ne Kirukiya ne Yedaya.

Abo be baali abakulembeze ba bakabona ne baganda baabwe mu biro bya Yesuwa.

8 Abaleevi baali: Yesuwa, ne Binnuyi, ne Kadumyeri, ne Serebiya, ne
Yuda ne Mattaniya awamu ne baganda be, abaakulemberanga ennyimba
ez'okwebaza mu kusinza.
9 Bakubukiya ne Unni ne baganda baabwe bo, baayimiriranga nga
baboolekedde mu biseera eby'okusinza.

10 Yesuwa yali kitaawe wa Yoyakimu,
ate Yoyakimu nga ye kitaawe wa Eriyasibu,
ne Eriyasibu nga ye kitaawe wa Yoyaada,
11 Yoyaada nga ye kitaawe wa Yonasaani,
ate Yonasaani nga ye kitaawe wa Yadduwa.

12 Mu biro bya Yoyakimu, bano be baali abakulu b'ennyumba za bakabona:

eya Seraya, yali Meraya;
eya Yeremiya, yali Kananiya;
13 eya Ezera, yali Mesullamu,
eya Amaliya, yali Yekokanani;
14 eya Malluki, yali Yonasaani;
eya Sebaniya, yali Yusufu;
15 eya Kalimu, yali Aduna;
eya Merayoosi, yali Kerukayi;

* **12:1** Ezera oyo si ye Ezera kabona eyavanga mu lunyiriri lwa Seraya, eyali amanyi Amateeka (Ezr 7:1-5).

16 eya Iddo, yali Zekkaliya;
eya Ginnesoni, yali Mesullamu;
17 eya Abiya, yali Zikuli;
eya Miniyamini ne Mowadiya, yali Pirutayi;
18 eya Biruga, yali Sammuwa;
eya Semaaya, yali Yekonasaani;
19 eya Yoyalibu, yali Mattenayi;
eya Yedaya, yali Uzzi;
20 eya Sallayi, yali Kallayi;
eya Amoki, yali Eberi;
21 eya Kirukiya, yali Kasabiya;
n'eya Yedaya, yali Nesaneeri.

22 Abakulu b'ennyumba z'Abaleevi abaakola mu biro bya Eriyasibu, ne
Yoyada, ne Yokanaani ne Yadduwa, awamu ne bakabona, baawandiikibwa
mu mirembe gya Daliyo Omuperusi.
23 Abakulu b'enju abaava mu bazzukulu ba Leevi okutuuka ku mulembe
gwa Yokanaani mutabani wa Eriyasibu, ne bawandiikibwa mu bitabo
eby'ebyafaayo.
24 Abakulembeze b'Abaleevi baali: Kasabiya, ne Serebiya, ne Yesuwa
mutabani wa Kadumyeri, n'abaabayambangako nga baboolekedde, nga
batendereza era nga beebaza, ng'ekibinja ekimu kiddamu ekirala kye
biyimba, nga Dawudi omusajja wa Katonda bwe yalagira.
25 Mattaniya, ne Bakubukiya, ne Obadiya, ne Mesullamu, ne Talumoni,
ne Akkubu be baakuumanga amawanika g'oku miryango.
26 Baaweerereza mu biro bya Yoyakimu mutabani wa Yesuwa, mutabani
wa Yozadaki, ne mu biro bya Nekkemiya owessaza, ne Ezera kabona era
omuwandiisi.

### *Okutukuza Bbugwe wa Yerusaalemi*

27 Awo okutukuza kwa bbugwe wa Yerusaalemi bwe kwatuuka, ne
banoonya Abaleevi okuva gye baabeeranga, ne baleetebwa e Yerusaalemi
okujaguza nga bwe bayimba n'okukuba ebitaasa n'entongooli n'ennanga.
28 Abayimbi nabo ne bajja okuva mu bitundu ebyetoolodde Yerusaalemi,
nga bava mu byalo by'Abanetofa,
29 n'okuva mu Besugirugaali, n'okuva mu bitundu by'e Geba n'e
Azumavesi; abayimbi baali beefunidde ebyalo okwetooloola Yerusaalemi.
30 Bakabona n'Abaleevi bwe baamala okwetukuza olw'emikolo egyo, ne
balyoka batukuza abantu, n'emiryango ne bbugwe.
31 Ne ndyoka ntwala abakulembeze ba Yuda waggulu ku bbugwe, ne
ndagira n'ebibinja bibiri eby'abayimbi okwebaza. Ekimu kyalaga waggulu
wa bbugwe ku mukono ogwa ddyo, n'ekirala ne kiraga ku Mulyango
gw'Obusa.
32 Kosaaya ne kimu kyakubiri eky'abakulembeze ba Yuda ne babagob-
erera,
33 nga bali wamu ne Azaliya, ne Ezera, ne Mesullamu,
34 ne Yuda, ne Benyamini, ne Semaaya, ne Yeremiya,
35 ne bakabona abamu nga bakutte amakondeere, ne Zekkaliya mu-
tabani wa Yonasaani, muzzukulu wa Semaaya, muzzukulu wa Mikaaya,
muzzukulu wa Zakkuli, muzzukulu wa Asafu;
36 ne banne abaamuyambangako nga be bano: Semaaya, ne Azuleeri,
ne Miralayi, ne Giralayi, ne Maayi, ne Nesaneeri, ne Yuda, ne Kanani,

nga balina ebivuga ebyalagirwa Dawudi omusajja wa Katonda, era Ezera omuwandiisi, ye yabakulemberangamu.

37 Bwe baatuuka ku Mulyango gw'Oluzzi, ne bambuka amadaala g'Ekibuga kya Dawudi okutuukira ddala ku bbugwe; ne bayita ku lubiri lwa Dawudi ne batuuka ku Mulyango ogw'Amazzi, oguli ku luuyi olw'ebuvanjuba.

38 Ekibinja ekyokubiri eky'abayimbi, ne kiraga ku luuyi olwolekedde luli bali gye baali balaze. Nze ne kimu kyakubiri eky'abantu ne tubagoberera okutuukira ddala waggulu ku bbugwe, ne tuyita ku Munaala gw'Ebikoomi ne tutuuka ku Bbugwe Omugazi,

39 ne ku Mulyango gwa Efulayimu, ne ku Mulyango gwa Yesana, ne ku Mulyango gw'Ebyennyanja, n'okutuuka ku Munaala gwa Kananeri, ne ku Munaala gw'Ekikumi, n'okutuukira ddala ku Mulyango gw'Endiga, ne tuyimirira ku Mulyango gw'Abambowa.

40 Ebibinja byombi eby'abayimbi ne batuula mu bifo byabwe mu nnyumba ya Katonda; nange ne kimu kyakubiri eky'abakulembeze ne tutuula,

41 awamu ne bakabona bano: Eriyakimu, ne Maaseya, ne Miniyamini, ne Mikaaya, ne Eriwenayi, ne Zekkaliya, ne Kananiya nga balina amakondeere;

42 Maaseya, ne Semaaya, ne Eriyazaali, ne Uzzi, ne Yekokanani, ne Malukiya, ne Eramu, ne Ezera nabo baaliwo. Abayimbi ne bayimba, Yekulakiya nga ye mukulu waabwe.

43 Ku lunaku olwo, ne bawaayo ssaddaaka nnyingi nnyo nnyini, nga batendereza kubanga Katonda yali abawadde essanyu lingi nnyo nnyini. Abakazi n'abaana nabo ne basanyukira wamu nabo, era okujaguza okwo mu Yerusaalemi ne kuwulirwa mu bifo eby'ewala.

44 Mu kiseera ekyo, abantu ne balondebwa okulabiriranga amawanika omwaterekebwanga ebyaleetebwanga, nga mwe muli ebibala ebibereberye, ne kimu kya kkumi, nga bireetebwa okuva mu bibanja ebyetoolodde ebibuga, nga bwe kyalagibwa mu Mateeka, ne biweebwa bakabona n'Abaleevi. Yuda baali basanyufu olw'obuweereza bwa bakabona awamu n'obw'Abaleevi.

45 Bakabona n'Abaleevi ne bakwata embaga ya Katonda waabwe era ne bagitukuza, n'abayimbi awamu n'abakuumi ba wankaaki nabo ne bakola bwe batyo, ng'ekiragiro kya Dawudi ne Sulemaani mutabani we bwe kyali.

46 Mu biro eby'edda, mu biseera bya Dawudi ne Asafu, waabangawo abakulu b'abayimbi, ate nga waliwo n'ennyimba ezaayimbibwanga okutendereza Katonda.

47 Noolwekyo mu biro bya Zerubbaberi ne mu biro bya Nekkemiya, Isirayiri kyeyava ewaayo ebibinja by'abayimbi n'abakuumi ba wankaaki. Ne balonda n'ekibinja ky'Abaleevi abalala, n'Abaleevi nabo ne balondayo ekibinja ekyava mu bazzukulu ba Alooni.

# 13

*Enkyukakyuka za Nekkemiya Ezasembayo*

1 Ku lunaku olwo, Ekitabo kya Musa ne kisomebwa ng'abantu bawulira, ne bazuula nga kyawandiikibwa nti tewabanga Omwamoni newaakubadde Omumowaabu akkirizibwanga okuyingira mu kuŋŋaaniro lya Katonda,

2 kubanga tebaayaniriza Bayisirayiri na mmere newaakubadde amazzi,
wabula baagulirira Balamu akolimire Abayisirayiri. Kyokka Katonda
waffe yafuula ekikolimo okuba omukisa.
3 Abantu bwe baawulira etteeka eryo, ne bagoba bannaggwanga bonna
mu Isirayiri.
4 Ebyo nga tebinnabaawo, Eriyasibu omu ku bakabona, yali aweereddwa
obuvunaanyizibwa okulabiriranga amawanika g'ennyumba ya Katonda
waffe, kyokka nga mukwano nnyo wa Tobiya.
5 Eriyasibu yali awadde Tobiya ekimu ku bisenge ebigazi omwali
muterekebwa ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke, n'omugavu, n'ebintu
ebikozesebwa mu kusinza, ne kimu kya kkumi eky'emmere ey'empeke,
ne wayini omuggya, awamu n'omuzigo ogwaweebwanga Abaleevi,
n'abayimbi, n'abakuumi ba wankaaki, n'ebyo ebyaweebwanga bakabona.
6 Kyokka ebyo byonna bwe byali bikolebwa, ssaali mu Yerusaalemi,
kubanga mu mwaka ogw'amakumi asatu mu ebiri ogw'obufuzi bwa
Alutagizerugizi kabaka w'e Babulooni, nnali nzizeeyo eri kabaka. Olu-
vannyuma lw'ebbanga, ne nsaba kabaka,
7 ne nkomawo e Yerusaalemi, ne manyisibwa ekibi Eriyasibu kye yali
akoze, bwe yawa Tobiya ekisenge mu mpya z'ennyumba ya Katonda.
8 Ne nyiiga nnyo era ne nkasuka ebintu bya Tobiya byonna ebweru,
okubiggya mu kisenge.
9 Ne ndagira ebisenge bitukuzibwe, n'oluvannyuma ebintu
ebyabeeranga mu nnyumba ya Katonda, n'emmere ey'empeke,
n'omugavu ne biddizibwamu.
10 Ne ntegeezebwa ng'emigabo gy'Abaleevi nagyo gyali
tegibaweerebbwa, era nga n'Abaleevi bonna awamu n'abayimbi baali
bazzeeyo mu bibanja byabwe.
11 Kyenava nnenya abakungu ne mbabuuza nti, "Lwaki ennyumba ya
Katonda terabiriddwa?" Bonna ne mbayita ne mbagamba bakomewo mu
bifo mwe baabeeranga.
12 Yuda yenna ne baleeta ekimu eky'ekkumi eky'emmere ey'empeke ne
wayini omuggya n'omuzigo, ne babiteeka mu mawanika.
13 Ne nnonda Seremiya omu ku bakabona, ne Zadooki omuwandiisi, ne
Pedaya omu ku Baleevi balabirirenga amawanika. Ne nnonda ne Kanani
mutabani wa Zakkuli, mutabani wa Mattaniya okubayambangako; baali
basajja beesimbu.

14 Ozinjukirenga Ayi Katonda wange olw'ekikolwa ekyo, oleme oku-
sangulawo ebyo byonna bye nakolera ennyumba ya Katonda wange,
n'okuweereza kwe naweereza n'obwesigwa.

15 Mu biro ebyo, ne ndaba abasajja mu Yuda, nga basogola omwenge
ku Ssabbiiti, era nga baleeta emmere ey'empeke awamu ne wayini,
n'emizabbibu, n'ettiini, n'emigugu emirala egya buli ngeri, nga babitisse
endogoyi. Bino baali babiyingiza mu Yerusaalemi ku Ssabbiiti. Kyenava
mbalabula obutatunda mmere ku lunaku olwo.
16 Abantu b'e Ttuulo abaatuulanga mu Yerusaalemi, baaleetanga ebyen-
nyanja n'ebyamaguzi eby'engeri ez'enjawulo, nga babitunza abantu ba
Yuda mu Yerusaalemi ku Ssabbiiti.
17 Nanenya abakulembeze ba Yuda ne mbagamba nti, "Kiki kino
eky'ekivve kye mukola nga mwonoona olunaku lwa Ssabbiiti?

18 Bajjajjammwe tebaakola bintu bye bimu, Katonda waffe n'alyoka
aleeta ekikangabwa kino kyonna ku ffe ne ku kibuga kyaffe kino? Kaakano
mwongera kusiikula kiruyi kirala eri Isirayiri nga mwonoona Ssabbiiti?"
19 Awo ebisiikirize ebya kawungeezi bwe byali bitandise okugwa
ku miryango gya Yerusaalemi, nga Ssabbiiti tennatuuka, ne ndagira
emiryango okuggalwa era gireme okuggulwa okutuusa nga Ssabbiiti
eweddeko. Nateeka abamu ku basajja bange ku miryango, waleme
kubaawo mugugu guyingizibwa wadde ogufulumizibwa ku Ssabbiiti.
20 Omulundi gumu oba ebiri, abasuubuzi n'abatundanga ebintu
eby'engeri zonna baasula ebweru w'ekibuga Yerusaalemi.
21 Kyokka ne mbalabula nga mbagamba nti, "Lwaki musula awo ku
bbugwe? Bwe munaddamu okukikola nzija kubabonereza." Okuva ku
olwo tebaddayo kujja ku Ssabbiiti.
22 Ne ndyoka ndagira Abaleevi okwetukuza bagende bakuume
emiryango, okusobola okukuuma olunaku lwa Ssabbiiti nga lutukuvu.

Onzijukire olwa kino nakyo Ayi Katonda wange, era ondage ekisa
okusinziira ku kwagala kwo okungi.

23 Ate era mu nnaku ezo, ne ndaba abasajja ba Yuda abaali bawasizza
abakazi okuva mu Asudodi, ne Amoni, ne Mowaabu.
24 Kimu kyakubiri ku baana baabwe baali boogera olulimi lw'Abasudodi,
oba olumu ku nnimi z'abantu abalala.
25 Ne mbanenya ne mbakolimira. Ne nkubako abamu ku basajja
abo Abayudaaya, ne mbakuunyuulako enviiri. Ne mbalayiza mu linnya
lya Katonda nga mbagamba nti, "Temuwangayo bawala bammwe
kufumbirwa batabani baabwe, wadde bawala baabwe okufumbirwa
batabani bammwe, oba mmwe mwennyini.
26 Okufumbiriganwa okw'engeri eyo, si kwe kwaleetera Sulemaani
kabaka wa Isirayiri okwonoona? Mu mawanga gonna, tewaali kabaka
nga ye. Yali ayagalibwa nnyo Katonda, era Katonda yamufuula kabaka
wa Isirayiri yonna, kyokka abakazi bannaggwanga amalala, baamuwabya,
n'akola ebibi.
27 Ate tuwulira nga mukoze ebintu bino ebibi bwe bityo. Temuba
beesigwa eri Katonda waffe bwe muwasa abakazi bannamawanga."
28 Omu ku batabani ba Yekoyaada, mutabani wa Eriyasibu kabona
omukulu yali mukoddomi wa Sanubalaati Omukoloni. Ne mmugoba we
ndi.

29 Bajjukire, Ayi Katonda wange, kubanga baayonoona omulimu
gw'obwakabona n'endagaano y'obwakabona ne ey'Abaleevi.

30 Ne ntukuza bakabona awamu n'Abaleevi okuva mu buli kintu kyonna
ekitali kitukuvu, buli omu ne mmuwa emirimu egy'okukola.
31 Ne nteekawo enkola ey'abantu okuwaayo enku mu biseera ebigereke,
era n'ebibala ebibereberye.

Onzijukire n'okwagala kwo Ayi Katonda wange.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Eseza

*Nnabagereka Vasuti Aggyibwa ku Bukulu*

1 Kino kye kyabaawo ku mirembe gya Akaswero, eyafuga amasaza
kikumi mu abiri mu musanvu (127) okuva e Buyindi okutuuka e
Buwesiyopya.
2 Mu kiseera ekyo Kabaka Akaswero we yafugira mu lubiri e Susani,*
3 mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwe, yagabula abakungu
n'abaami be abakulu embaga. Abaduumizi ba magye aga Buperusi ne
Bumeedi, n'abalangira n'abakungu b'amasaza bonna baagiriko.
4 Yayolesa obugagga n'ekitiibwa n'ettendo eby'obwakabaka bwe oku-
mala emyezi mukaaga.
5 Ennaku ezo bwe zaggwaako, Kabaka n'agabula abantu bonna okuva ku
asemberayo ddala okutuuka ku asingirayo ddala ekitiibwa embaga endala
eyali mu luggya, mu lubiri e Susani okumala ennaku musanvu.
6 Oluggya lwalimu entimbe ez'engoye enjeru n'eza bbululu, nga zisibid-
dwa n'emiguwa egya linena omulungi n'olugoye olwa kakobe nga lusi-
biddwa n'empeta eza ffeeza ku mpagi ez'amayinja aganyirira. Waaliwo
n'ebitanda† ebya zaabu n'effeeza ku lubalaza olwaliire n'amayinja
aganyirira, amamyufu, n'ameeru, n'aga kyenvu n'amaddugavu.
7 Mu kugabula kwa kabaka, wayini yaweerezebwa mu bikopo bya zaabu,
nga buli kimu tekifanagana na kinnaakyo, ne wayini wa Kabaka yali
mungi ddala.
8 Buli mugenyi yanywanga nga bwe yayagala kubanga kabaka yalagira
nti, "Buli mugenyi anywe nga bw'ayagala."
9 Ne Nnabagereka Vasuti naye n'agabula abakyala embaga mu lubiri lwa
Kabaka Akaswero.
10 Awo ku lunaku olwomusanvu, Kabaka Akaswero mu ssanyu lingi
olwa wayini gwe yali anywedde, n'alagira abalaawe musanvu, abaa-
muweerezanga: Mekumani, ne Bizusa, ne Kalubona, ne Bigusa, ne
Abagusa, ne Zesali ne Kalukasi,
11 okugenda okuyita Nnabagereka Vasuti ajje mu maaso ge
ng'atikkiddwa engule eya Nnabagereka, asobole okulaga obubalagavu
bwe eri abantu n'abakungu, kubanga yali mulungi, mubalagavu
okukamala.
12 Naye abaweereza bwe baatuusa ekiragiro kya kabaka, Nnabagareka
Vasuti n'agaana okugenda. Era ekyavaamu kabaka n'asunguwala, era
obusungu bwe ne bubuubuuka.
13 Naye Kabaka yalina empisa ey'okwebuuzanga ku bakugu mu
by'amateeka, era n'ateesa n'abasajja abagezigezi abategeera ebifa ku
nsonga eyo.
14 Amannya ga bakungu abo abakulu omusanvu mu bwakabaka bwe
Buperusi ne Bumeedi ge gano: Kalusena, ne Sesali, ne Adumasa, ne

* **1:2** Susani kye kimu ku bibuga ebikulu ebina eby'Obwakabaka. Ebibuga ebirala byali Babulooni, Perusiyapoliisi ne Ekubatoni. Susani ky'ekibuga bakabaka b'e Buperusi abasatu gye baabeeranga mu biseera eby'obutiti. Ekibuga ekyo kyali mu kiwonvu ky'omugga Tigiriisi.

† **1:6** Abaperusi baalyanga bagalamidde ku bitanda

Talusiisi, ne Meresi, ne Malusema ne Memukani. Bano be baamubeeranga ku lusegere.

15 Awo Kabaka n'ababuuza nti, “Okusinziira ku mateeka, Nnabagereka Vasuti agwanidde kibonerezo ki olw'obutagondera kiragiro kya Kabaka Akaswero ekimutuusibbwako abalaawe?”

16 Memukani n'addamu Kabaka n'abakungu nti, “Nnabagereka Vasuti asobezza nnyo, ate si eri Kabaka yekka, naye n'eri abakungu n'abantu bonna ab'omu bitundu byonna Kabaka Akaswero by'afuga.

17 Era olw'enneeyisa Nnabagereka gye yeeyisizaamu, bwe kinaamanyibwa abakyala, nabo bajja kunyoomanga ba bbaabwe nga bagamba nti, ‘Nga Kabaka Akaswero yalagira Nnabagereka Vasuti okuleetebwa gy'ali, n'ajeema.’

18 Era olunaku lwa leero abakyala bonna mu Buperusi ne Bumeedi aba bakungu abawulidde ku nneeyisa ya Nnabagereka bajjanga kweyisa mu ngeri y'emu eri abakungu ba Kabaka. Era obunyoomi wamu n'obutabanguko tebuggwengawo mu maka.

19 Noolwekyo Kabaka bw'anaasiima, awe ekiragiro, era kiwandiikibwe mu mateeka ga Buperusi ne Bumeedi agatakyuka, nti Vasuti aleme okujja nate mu maaso ga Kabaka Akaswero. Ate n'ekifo kye eky'Obwannabagereka, kiweebwe omukazi omulala amusinga.

20 Awo ekiragiro kya kabaka bwe kinaabuna mu bwakabaka bwonna, abakyala bonna banassangamu ba bbaabwe ekitiibwa okuva ku wawagulu okutuukira ddala ku wawansi asembayo.”

21 Ekigambo ekyo kyasanyusa nnyo Kabaka n'abakungu be, era Kabaka n'akola ng'ekiteeso kya Memukani bwe kyali.

22 N'aweereza obubaka eri ebitundu byonna eby'obwakabaka buli ssaza ebbaluwa yaayo, era buli bantu mu lulimi lwabwe nga bugamba nti buli musajja afugenga mu nnyumba ye.

# 2

### *Eseza Aweebwa obwa Nnabagereka*

1 Oluvannyuma, obusungu bwa Kabaka Akaswero bwe bwakkakkana, yasigala ng'alowooza ku Vasuti, kye yakola, n'ekyali kisaliddwawo.

2 Awo abaddu ba Kabaka ne baleeta ekirowoozo nti, “Banoonyeze Kabaka omuwala ku bawala abato abalungi nga mbeerera.

3 Kabaka alonde ababaka mu buli kitundu mu bwakabaka bwe, bamuleetere abawala abato ababalagavu abalungi mu lubiri lwe e Susani bakuumibwe mu nnyumba y'abakyala. Era Kegayi omulaawe wa Kabaka avunaanyizibwe abawala abo, ng'abawa ne by'okulungiya byonna bye beetaaga.

4 Awo omuwala anasiimibwa kabaka, ye anafuuka Nnabagereka mu kifo kya Vasuti.” Ekirowoozo ekyo kyasanyusa kabaka, era n'akissa mu nkola.

5 Mu biro ebyo mu lubiri e Susani, waaliyo Omuyudaaya ow'omu kika kya Benyamini, erinnya lye Moluddekaayi, mutabani wa Yayiri, muzzukulu wa Simeeyi, muzzukulu wa Kiisi,

6 eyawaambibwa Nebukadduneeza, Kabaka we Babulooni n'aleetebwa mu buwaŋŋanguse nga y'omu ku basibe abaasibibwa ne Yekoniya, eyali Kabaka wa Yuda, okuva e Yerusaalemi.

7 Moluddekaayi yalina omuwala omuto erinnya lye Kadasa, gwe yalinako oluganda, eyakulira mu mikono gye, kubanga yali mulekwa nga yafiirwa kitaawe ne nnyina. Erinnya ly'omuwala ono eddala nga ye Eseza, era yali ng'alabika bulungi nnyo.

8 Awo olwatuuka ekiragiro kya Kabaka bwe kyalangirirwa, abawala bangi, nga ne Eseza mwali ne baleetebwa mu lubiri e Susani ne bakwasibwa Kegayi eyali alabirira abakyala ba Kabaka.
9 Eseza n'asiimibwa Kegayi, era n'amuwa ebintu eby'okulungiya, n'emmere ey'enjawulo. Era yamuwa n'abazaana musanvu abaalondebwa okuva mu lubiri lwa Kabaka, era n'amuteeka mu kifo ekisinga obulungi awakuumibwa abakyala.
10 Eseza yali tamanyiddwa ggwanga lye, wadde ekika kye, kubanga Moluddekaayi yali amugaanye okulyogera.
11 Buli lunaku Moluddekaayi yalagangako mu luggya lw'ennyumba ya bakyala okumanya ebyafanga ku Eseza.
12 Awo oluwalo lwa buli muwala bwe lwatuukanga okugenda eri Kabaka Akaswero, omuwala oyo yalinanga okuba ng'amaze emyezi kkumi n'ebiri egy'okufumbirirwa, ng'era mu bbanga eryo, emyezi omukaaga aba ng'akozesa amafuta ag'omugavu n'emyezi omukaaga omulala nga yeyambisa obuwoowo n'ebintu ebirala ebifumbirira.
13 Bw'atyo omuwala n'alyokanga agenda eri Kabaka. Omuwala bwe yatuukanga okugenda ewa Kabaka yabanga wa ddembe okuweebwa kyonna ky'ayagala okuva mu nnyumba y'abakyala.
14 Yagendangayo kawungeezi, ate bwe bwakeeranga, n'addayo mu kifo ekirala era eky'abakyala ekyalabirirwanga Saasugazi, omulaawe wa Kabaka eyakuumanga abakyala ba Kabaka abalala. Era omuwala oyo teyaddanga wa Kabaka wabula ng'amusiimye, era ng'amutumizza.
15 Awo oluwalo lwa Eseza omuwala eyakuzibwa Moluddekaayi, ate nga muwala wa Abikayiri, eyalina oluganda ku Moluddekaayi, bwe lwatuuka okugenda eri Kabaka, Eseza talina birala bye yasaba okuggyako ebyo Kegayi, omulaawe wa Kabaka bye yamuwa. Era Eseza n'aganja mu maaso g'abo bonna abaamutunuulira.
16 Yatwalibwa eri Kabaka Akaswero mu lubiri lwe mu mwezi ogw'ekkumi, gwe mwezi Tebesi, mu mwaka ogw'omusanvu ogw'okufuga kwe.
17 Kabaka n'ayagala nnyo Eseza okukira abakyala abalala bonna, era n'aganja mu maaso ge okusinga abawala embeerera bonna. N'amutikkira engule okuba Nnabagereka mu kifo kya Vasuti.
18 Awo Kabaka n'akolera Eseza embaga ennene, n'ayita abakungu be wamu n'abaami be, era n'alangirira abantu okusonyiyibwa emisolo mu bitundu byonna, ate n'agaba n'ebirabo nga bwe yayagala.

### *Moluddekaayi Agwa mu Lukwe lw'Okutta Kabaka*

19 Olunaku olumu Moluddekaayi bwe yali ng'atudde ku wankaaki w'olubiri lwa Kabaka, abawala ne bakuŋŋaanira eri Kabaka omulundi ogwokubiri.
20 Eseza yakuuma ekyama Moluddekaayi kye yali amukuutidde, eky'obutayogera ekika kye newaakubadde eggwanga lye.
21 Awo mu biro ebyo Moluddekaayi ng'atudde ku wankaaki wa Kabaka, abalaawe ba Kabaka babiri, Bigusani ne Teresi, ku abo abaakuumanga omulyango, ne banyiigira Kabaka Akaswero, era ne bateesa okumutemula.
22 Naye Moluddekaayi n'agwa mu lukwe olwo, n'ategeezaako Eseza Nnabagereka, eyagenda n'abuulira Kabaka nga Moluddekaayi bwe yamutegeeza.
23 Awo ekigambo ekyo bwe baakyekenneenya, ne kirabika nga kituufu, abasajja abo bombi ne bawanikibwa ku kalabba. Awo ebigambo bino

byonna ne biwandiikibwa mu kitabo eky'ebyafaayo ebya buli lunaku mu maaso ga Kabaka.

# 3

*Olukwe lwa Kamani Okusaanyaawo Abayudaaya*

1 Oluvannyuma lw'ebyo Kabaka Akaswero n'akuza Kamani mutabani wa Kammedasa, Omwagaagi era n'amusukkiriza n'amuwa n'entebe ey'ekitiibwa okusinga abakungu abalala bonna.

2 Era abaddu ba Kabaka bonna abaabeeranga ku wankaaki wa Kabaka baamufukaamiriranga ne bamuwa ekitiibwa, kubanga kyali kiragiro ekyava eri Kabaka. Naye Moluddekaayi teyamufukaamirira wadde okumussaamu ekitiibwa.

3 Awo abagalagala ba Kabaka ab'oku wankaaki ne babuuza Moluddekaayi nti, "Nsonga ki ekulobera okugondera ekiragiro kya Kabaka?"

4 Buli lunaku baayogeranga naye ku nsonga eyo naye ye n'agaana okubawuliriza. Ekyavaamu kwe kubuulira Kamani ku nsonga y'emu, balabe oba Moluddekaayi anaakyusa ku nneeyisa ye, kubanga yali yabategeezaako nti Muyudaaya.

5 Awo Kamani bwe yalaba nga Moluddekaayi tamufukaamirira wadde okumussaamu ekitiibwa, Kamani n'asunguwala nnyo.

6 Bwe yategeera abantu ba Moluddekaayi kye bali, Kamani n'alaba ng'okumutta yekka tekigasa. Kamani n'anoonya engeri gy'ayinza okuzikiriza abantu ba Moluddekaayi, Abayudaaya bonna mu bwakabaka bwonna obwa Akaswero.

7 Awo mu mwezi ogw'olubereberye ogwa Nisani, mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogwa kabaka Akaswero, ne bakuba Puli, ke kalulu, mu maaso ga Kamani okufuna olunaku n'omwezi, era omwezi ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Adali ne gulondebwa.

8 Awo Kamani n'agamba Kabaka Akaswero nti, "Waliwo abantu abasaasaanye ate nga beeyawudde ku mawanga mu bitundu byonna eby'obwakabaka bwo; n'amateeka gaabwe ga njawulo ku g'abantu abalala bonna, era tebakuuma mateeka ga Kabaka. Noolwekyo tekigasa Kabaka kubagumiikiriza.

9 Kabaka bw'anasiima, kiwandiikibwe era kiyisibwe, n'okuzikirizibwa bazikirizibwe: nange ndisasula ttalanta eza ttani ebikumi bisatu mu nsavu mu ttaano* ebya ffeeza mu ggwanika lya Kabaka."

10 Awo kabaka n'aggya empeta† ye ku ngalo ye n'agiwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe w'Abayudaaya.

11 Ate era Kabaka n'agamba Kamani nti, "Ensimbi zikuweereddwa n'abantu bakole nga bw'osiima."

12 Ne bayita abawandiisi ba Kabaka ku lunaku olw'ekkumi n'essatu mu mwezi ogw'olubereberye, ne bawandiika byonna nga Kamani bwe yalagira, ne bawandiikira abaamasaza ne bagavana ba buli kitundu, n'abakungu ba buli ggwanga; era n'eri buli kitundu ng'empandiika yaakyo bwe yali, n'eri buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali; byawandiikibwa mu linnya lya Kabaka Akaswero era ne biteekebwako akabonero n'empeta ya Kabaka.

13 Ebbaluwa zaatwalibwa ababaka mu bitundu byonna ebya Kabaka n'ekiragiro, eky'okuzikiriza, n'okutta n'okumalawo Abayudaaya bonna, abato n'abakadde, abaana abato n'abakazi mu lunaku lumu olw'ekkumi

* **3:9** ze ttani nga 345 mu mbala eyabulijjo † **3:10** Empeta ya kabaka yakozesebwanga okukakasa ebiragiro.

n'essatu mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Adali, awamu n'okunyaga ebyabwe byonna.
14 Ebyaggyibwa mu kiwandiike ne biraalikibwa eri amawanga gonna, ekiragiro ne kirangirirwa mu buli kitundu, balyoke beeteekereteekere olunaku olwo.
15 Awo ababaka ne banguwa okugenda olw'ekiragiro kya Kabaka, etteeka ne libuulirwa mu lubiri lw'e Susani. Awo Kabaka ne Kamani ne batuula okunywa; naye ekibuga kya Susani ne kisasamala.

# 4

*Moluddekaayi Akkirizisa Eseza Okuyamba Abayudaaya*

1 Awo Moluddekaayi bwe yategeera byonna ebyakolebwa, n'ayuza ebyambalo bye n'ayambala ebibukutu ne yeesiiga evvu, n'afuluma n'agenda mu kibuga wakati, n'akaaba n'eddoboozi ddene olw'ennaku ennyingi:
2 naye n'akoma ku wankaaki wa kabaka, kubanga tewali eyakirizibwanga okuyingira mu mulyango gwa Kabaka ng'ayambadde ebibukutu.
3 Mu buli kitundu ekiragiro kya Kabaka n'etteeka lye gye byatuukanga ne waba okukuba ebiwoobe bingi n'okusiiba n'okukaaba amaziga mangi mu Bayudaaya era bangi ku bo ne bambala ebibukutu.*
4 Awo abaweereza ba Eseza abakazi n'abalaawe be ne bajja gyali okumutegeeza ku bibadde wo, era Nnabagereka n'anakuwala nnyo: n'aweereza Moluddekaayi ebyambalo yeyambulemu ebibukutu bye yali ayambadde naye Moluddekaayi n'atabikkiriza.
5 Eseza n'atumya Kasaki omu ku balaawe ba Kabaka, gwe yali ataddewo okumuweereza n'amukuutira okugenda okumanya ekizibu ekyali kituuse ku Moluddekaayi era n'ensonga.
6 Awo Kasaki n'afuluma n'agenda ebweru mu kifo ekigazi eky'ekibuga ekyayolekera omulyango gwa Kabaka, Moluddekaayi gye yali.
7 Moluddekaayi n'amutegeeza byonna ebyamutuukako, n'omuwendo gw'ensimbi Kamani gwe yali asuubizza okuteeka mu ggwanika lya Kabaka olw'okuzikiriza Abayudaaya.
8 Era n'amuwa n'ebyaggyibwa mu kiwandiiko eky'etteeka eryalaalikibwa mu Susani, okuliraga Eseza n'okulimunnyonnyola ate era n'okukuutira Eseza okugenda amwegayiririre ye n'abantu be eri Kabaka.
9 Amangwago Kasaki n'agenda n'abuulira Eseza ebigambo Moluddekaayi bye yali amutegeezezza.
10 Awo Eseza n'alagira Kasaki okuzzaayo obubaka ewa Moluddekaayi nti,
11 "Abakungu ba kabaka bonna n'abantu bonna ab'omu bitundu byonna eby'obwakabaka bakimanyi nti tewali musajja oba mukyala eyeeyanjula mu maaso ga Kabaka mu luggya olw'omunda ng'atayitiddwa kabaka. Era waliwo n'etteeka nti akolanga bw'atyo attibwenga, wabula nga Kabaka amugololedde omuggo gwe ogwa zaabu, n'aba omulamu. Naye wayiseewo ennaku amakumi asatu kasookedde mpitibwa kugenda wa kabaka."
12 Ebigambo ebyo bwe byatuuka ku Moluddekaayi,
13 Moluddekaayi n'amuddamu nti, "Tolowooza nti olw'okuba oli mu lubiri lwa Kabaka, gwe onowonawo wekka mu Bayudaaya bonna.
14 Kubanga ggwe bw'onoosirika mu kiseera kino, okubeerwa n'okulokolebwa kw'Abayudaaya kuliva awalala, naye ggwe n'ennyumba

* **4:3** Ebibukutu oba ebikutiya

ya Kitaawo mulizikizibwa. Ate ani amanyi obanga wafuulibwa
Nnabagereka lwa kiseera kino?”
15 Awo Eseza n’aweereza obubaka eri Moluddekaayi nti,
16 “Genda okuŋŋaanye Abayudaaya bonna abali mu Susani, musiibe
ku lwange, so temulya wadde okunywa ekintu emisana n’ekiro okumala
ennaku ssatu. Nze n’abaweereza bange abakyala tunaasiibira wamu
nammwe. Ekyo nga kiwedde, ndigenda eri Kabaka, newaakubadde nga
tekikkirizibwa mu mateeka. Bwe ndiba ow’okuzikirira, nzikirira.”
17 Amangwago Moluddekaayi n’agenda, era n’akola byonna Eseza bye
yamulagira.

# 5

### *Eseza Yeegayirira Kabaka*

1 Awo ku lunaku olwokusatu, Kabaka yali atudde ku ntebe
ey’obwakabaka mu kisenge ekinene ekyolekera omulyango, Eseza
n’ayambala ebyambalo bye ebyobwannabagereka, n’ayimirira mu luggya
olw’omunda olwokubiri okwolekera ekisenge ekyo ekinene.
2 Kabaka bwe yalengera Nnabagereka Eseza ng’ayimiridde mu luggya,
n’aganja mu maaso ge era n’amugololera omuggo ogwa zaabu ogwali mu
mukono gwe. Awo Eseza n’asembera n’akoma ku musa gw’omuggo.
3 Kabaka n’alyoka amubuuza nti, “Oyagala ki Nnabagereka Eseza? Era
kiki ky’osaba? Onookiweebwa ne bwe kinaaba ekitundu ky’obwakabaka.”
4 Awo Eseza n’addamu nti, “Kabaka bw’anaasiima, ajje ne Kamani leero
ku mbaga gye nfumbidde Kabaka.”
5 Amangwago Kabaka n’agamba nti, “Mwanguwe okuyita Kamani ajje
tugende ku mbaga Eseza gyateeseteese.”
6 Awo bwe baali banywa wayini, Kabaka n’addamu n’abuuza Eseza nti,
“Wegayirira ki era osaba ki? Kinaakuweebwa. Ne bwe kinaaba ekitundu
ky’obwakabaka kinaakuweebwa.”
7 Eseza n’amugamba nti, “Kye negayirira era kye nsaba kye kino.
8 Obanga ŋŋanze mu maaso ga Kabaka era ng’anaasiima okuddamu
okusaba kwange, n’okutuukiriza kye neegayirira, nkusaba kabaka ne
Kamani mujje enkya ku mbaga gye nnaabategekera. Olwo nno, nzija
kuddamu ekibuuzo kya kabaka.”

### *Kamani Asunguwalira Moluddekaayi*

9 Ku lunaku olwo Kamani n’afuluma nga musanyufu era ng’ajaguza
mu mwoyo. Naye bwe yalaba Moluddekaayi mu wankaaki wa
Kabaka, nga tayimuse wadde okulaga nti amussaamu ekitiibwa, Kamani
n’asunguwalira nnyo Moluddekaayi.
10 Wakati mu ebyo byonna Kamani n’azibiikiriza era n’addayo eka.
Oluvannyuma n’atumya mukyala we Zeresi ne mikwano gye,
11 era n’abeewaanirako ekitiibwa n’obugagga bwe, bwe byenkana
obungi, n’abaana be bwe benkana obungi, n’ebitiibwa byonna Kabaka bye
yamuwa, ate ne bwe yakuzibwa okusinga abakungu ba Kabaka n’abaana
be.
12 “Ate si ekyo kyokka,” Kamani n’ayongerako na kino nti, “Nnabagereka
Eseza teyaganyizza muntu mulala n’omu kuwerekera Kabaka ku mbaga
gye yategese, wabula nze; era n’enkya ampise ŋŋende wamu ne Kabaka.
13 Naye ebyo byonna tebimpa mirembe nga nkyalaba Moluddekaayi
Omuyudaaya ng’atudde ku wankaaki wa Kabaka.”

14 Awo mukazi we Zeresi ne mikwano gye gyonna ne bamugamba nti, “Bazimbe akalabba obuwanvu bwako, mita amakumi abiri mu ssatu, enkya bw’onooyogera ne Kabaka, Moluddekaayi anaawanikibwa okwo, kale olyoke ogende ku mbaga ne Kabaka ng’oli musanyufu.” Ekirowoozo ekyo kyasanyusa nnyo Kamani, era akalabba ne kazimbibwa.

# 6

*Moluddekaayi Aweebwa Ekitiibwa*

1 Ekiro ekyo Kabaka teyayinza kwebaka; era n’alagira ekitabo eky’ebijjukizo eky’ebigambo ebya buli lunaku, bisomebwe mu maaso ge.
2 Awo ne kisangibwa mu byafaayo nti Moluddekaayi yamanya olukwe lwa Bigusani ne Teresi babiri ku balaawe ba Kabaka abaali bakuuma omulyango nga baali bagezaako okutta Kabaka Akaswero, era nga Moluddekaayi ye yabaloopayo.
3 Kabaka n’abuuza nti, “Kitiibwa ki na bukulu ki Moluddekaayi bye yaweebwa olw’ekyo?”
Awo abaweereza ba Kabaka ne baddamu nti, “Tewali kintu kye yali aweereddwa.”
4 Awo Kabaka n’abuuza nti, “Ani ali mu luggya?” Mu kiseera ekyo Kamani yali yakayingira mu luggya olw’ebweru olw’oku lubiri lwa Kabaka, nga azze okwogera ne Kabaka ku kigambo eky’okuwanika Moluddekaayi ku kalabba Kamani ke yali amuzimbidde.
5 Amangwago abaweereza ne baddamu nti, “Kamani wuuno waali ayimiridde mu luggya.” Kabaka n’ayogera nti, “Mumukkirize ayingire.”
6 Awo Kamani n’ayingira, Kabaka n’amubuuza nti, “Anaakolebwa ki omusajja Kabaka gw’asanyukira era gw’ayagala okuwa ekitiibwa?” Kamani n’alowooza mu mutima gwe nti, “Ani Kabaka gwe yandisanyukidde okumuwa ekitiibwa okusinga nze?”
7 Kamani n’addamu Kabaka nti, “Omusajja Kabaka gw’asanyukira okumuwa ekitiibwa,
8 bamuleetere ebyambalo Kabaka bye yali ayambaddemu, n’embalaasi Kabaka gye yali yeebagadde atikkirweko engule ey’obwakabaka ku mutwe.
9 Ebyambalo n’embalaasi bikwasibwe omu ku bakungu kabaka basinga okuwa ekitiibwa, n’oluvannyuma omusajja oyo kabaka gw’ayagala okuwa ekitiibwa ayambazibwe ebyambalo ebyo era yeebagale n’embalaasi, era omulangira Kabaka gw’anaalonda amukulembere mu nguudo z’ekibuga ng’alangirira waggulu nti, ‘Bw’atyo bw’anaakolebwa omusajja Kabaka gw’asiima okuwa ekitiibwa!’ ”
10 Awo Kabaka n’alagira Kamani nti, “Yanguwa ofune ebyambalo n’embalaasi nga bw’oyogedde, okolere ddala bw’otyo Moluddekaayi Omuyudaaya atuula ku wankaaki wa Kabaka, ate waleme okubulako n’ekimu ku ebyo byonna by’oyogedde.”
11 Awo Kamani n’addira ebyambalo, n’ayambaza Moluddekaayi, n’amwebagaza ku mbalaasi, era n’amukulembera mu nguudo z’ekibuga ng’alangirira mu maaso ge nti, “Bw’atyo bw’akoleddwa omusajja Kabaka gw’asiima okuwa ekitiibwa.”
12 Oluvannyuma Moluddekaayi n’akomawo ku wankaaki wa Kabaka, naye Kamani n’ayanguwa n’addayo ewuwe, ng’anakuwadde era ng’abisse ku mutwe gwe,
13 n’ategeeza Zeresi mukazi we ne mikwano gye bonna byonna ebimutuuseeko.

Awo abamuwa amagezi ne mukazi we Zeresi ne bamugamba nti, “Engeri Moluddekaayi gw’otanulidde okugwa mu maaso ge, nga bw’ava mu ggwanga ly’Abayudaaya, tojja kumusinga, era tolirema kuzikirira mu maaso ge.”
14 Awo bwe baali nga bakyayogera naye, abalaawe ba Kabaka ne batuuka, ne banguwa okutwala Kamani ku mbaga Eseza gye yali afumbye.

# 7

*Kamani Asalirwa ogw’Okufa*

1 Awo Kabaka ne Kamani ne bagenda ku mbaga ya Nnabagereka Eseza gye yateekateeka.
2 Ku lunaku olwokubiri bwe baali banywa wayini Kabaka n’addamu n’abuuza Eseza nti, “Nnabagereka Eseza osaba ki? Onookiweebwa. Kiki kye weegayirira? Ne bwe kinaaba ekitundu ky’obwakabaka, kinaakuweebwa.”
3 Awo Eseza n’addamu nti, “Obanga ŋŋanze mu maaso go, ayi Kabaka, era Oweekitiibwa bw’onoosiima, kino kye nsaba, mpeebwe obulamu bwange. Ate era n’abantu bange bawonye obulamu bwabwe. Kino kye nneegayirira.
4 Nze n’abantu bange tutuundiddwa eri okuzikirizibwa, okuttibwa n’okubula. Wakiri singa tutuundiddwa okuba abaddu n’abakazi abaweereza, nandisirise ne sikuteganya newaakubadde nga omulabe teyandiyinzizza kuliwa kabaka bwe yandifiiriddwa.”
5 Awo Kabaka Akaswero n’abuuza Nnabagereka Eseza nti, “Ani era ali ludda wa oyo ayaŋŋanga okugezaako mu mutima gwe okukola bw’atyo?”
6 Awo Eseza n’addamu nti, “Omulabe waffe, atukyawa, ye Kamani ono omubi.” Kamani n’atya nnyo mu maaso ga Kabaka ne Nnabagereka.
7 Awo Kabaka n’agolokoka ng’aliko ekiruyi, n’aleka wayini we, n’alaga ebweru mu nnimiro ey’omu lubiri. Kamani bwe yalaba nga Kabaka amaliridde okumubonereza, n’asigala emabega okusaba obulamu bwe eri Nnabagereka Eseza.
8 Kabaka n’akomawo okuva mu nnimiro ey’omu lubiri n’ayingira mu kifo eky’embaga, n’asanga Kamani ng’agudde ku ntebe ey’olugalamiriro Eseza kwe yali.
Kabaka ne yeekanga nnyo era n’akangula eddoboozi ng’agamba nti, “N’okukwata ayagala kukwatira Nnabagereka mu maaso gange wano mu nnyumba?”
Kabaka bwe yali nga yakamala okwogera ekigambo ekyo, ne babikka ku maaso* ga Kamani.
9 Awo Kalubona, omu ku balaawe abaali baweereza Kabaka n’ayogera nti, “Waliwo akalabba kumpi ne nnyumba ya Kamani obuwanvu bwako mita amakumi abiri mu ssatu ke yazimba okuttirako Moluddekaayi eyayogera n’awonya obulamu bwa Kabaka.” Kabaka n’agamba nti, “Mumuwanike okwo.”
10 Awo ne bawanika Kamani ku kalabba ke yali azimbidde Moluddekaayi, olwo obusungu bwa kabaka ne bukkakkana.

# 8

*Kabaka Awa Ekiragiro Obutatta Bayudaaya*

* **7:8** Okubikka ku maaso g’omuntu kyategeezanga nti omuntu oyo asaliddwa omusango gwa kufa.

1 Awo ku lunaku olwo Kabaka Akaswero n'awa Nnabagereka Eseza
ebintu byonna* ebya Kamani omulabe w'Abayudaaya. Eseza n'ategeeza
Kabaka nti alina oluganda ku Moluddekaayi, era okuva mu kiseera ekyo
Moluddekaayi n'ajjanga mu maaso ga Kabaka.
2 Kabaka n'aggyako empeta ye gye yaggya ku Kamani n'agiwa Molud-
dekaayi, ate era ne Eseza n'afuula Moluddekaayi okuvunaanyizibwa
ebintu ebyali ebya Kamani.
3 Awo Eseza n'agenda ewa Kabaka nate ng'amwegayirira ng'agwa ku
bigere bye n'okukaaba nga bw'akaaba, ng'amusaba akomye enteekateeka
embi zonna eza Kamani Omwagaagi, n'enkwe ze yali asalidde Abayu-
daaya.
4 Kabaka n'agololera Eseza omuggo ogwa zaabu, amangu ago Eseza
n'agolokoka n'ayimirira mu maaso ga Kabaka.
5 Eseza n'ayogera nti, "Kabaka bw'anasiima, era obanga ŋŋaanze
mu maaso ga Kabaka, nange obanga musanyusa, bawandiike ekiragiro
okujjulula ebbaluwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi, ze
yayiiya era n'awandiika okuzikiriza Abayudaaya mu bitundu byonna ebya
kabaka.
6 Nnyinza ntya okugumiikiriza okulaba obulabe obulijja ku bantu bange,
era n'okulaba okuzikirizibwa okw'ennyumba yange?"
7 Awo Kabaka Akaswero n'agamba Nnabagereka Eseza ne Moluddekaayi
Omuyudaaya nti, "Olw'okuba Kamani yali ayagala kuzikiriza Abayudaaya,
ebintu bye mbiwadde Eseza, era n'okuwanikibwa awanikibbwa ku
Kalabba.
8 Noolwekyo muwandiike ekiwandiiko ekirala mu linnya lya Kabaka ku
lw'Abayudaaya nga bwe musiima, era mukisseeko akabonero n'empeta
ya Kabaka, kubanga tewali kiwandiiko ekiwandiikiddwa mu linnya lya
Kabaka era ekiteekeddwako akabonero n'empeta ya Kabaka ekiyinza
okujjululwa."
9 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu esatu mu mwezi ogwokusatu, gwe
mwezi Sivaani abawandiisi ba Kabaka ne bayitibwa ne bawandiika by-
onna Moluddekaayi bye yalagira Abayudaaya, ebbaluwa n'eweerezebwa
eri abaamasaza, ne bagavana n'abakungu abaafuganga mu bitundu
ekikumi mu abiri mu omusanvu (127) okuva e Buyindi okutuusa ku
Buwesiyopya. Ebiragiro by'awandiikibwa eri buli ssaza ng'empandiika
yaalyo bwe yali, n'eri buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali, n'eri
Abayudaaya mu mpandiika yaabwe era ne mu lulimi lwabwe.
10 Moluddekaayi n'awandiika mu linnya lya Kabaka Akaswero,
ebbaluwa n'azissaako akabonero n'empeta ya Kabaka, n'aziweereza
zitwalibwe ababaka abeebagala embalaasi ezidduka ennyo ate nga za-
akuzibwa mu bisibo bya Kabaka.
11 Ekiragiro kya Kabaka ky'awa Abayudaaya mu buli kibuga olukusa
okukuŋŋaana n'okwekuuma; okuzikiriza, n'okutta, n'okusaanyaawo
eggye lyonna ery'eggwanga lyonna oba essaza lyonna erinaabalumba,
abakazi baabwe n'abaana baabwe abato, ate era n'okunyaga ebintu
by'abalabe baabwe.
12 Olunaku olwalondebwa Abayudaaya okukola bino mu bitundu by-
onna ebya Kabaka Akaswero lwe lwali olunaku olw'ekkumi n'essatu mu
mwezi ogw'ekkumi n'ebiri, gwe mwezi Adali.

* **8:1** Mu kiseera ekyo, kabaka yaggyanga ku muntu asaliddwa omusango ogw'okufa ebintu by'omuntu oyo byonna.

13 Ebyaggyibwa mu kiragiro ekyo byali bya kuba nga tteeka mu buli
kitundu, era n'okumanyibwa eri abantu aba buli ggwanga, nti ku lunaku
olwo Abayudaaya beeteekereteekere okulwanyisa abalabe baabwe.

14 Awo ababaka abeebagala embalaasi za Kabaka, ne bagenda mbiro,
ku kiragiro kya Kabaka, era n'ekiragiro ekiwandiikiddwa ne kirangirirwa
mu lubiri lw'e Susani.

### *Abayudaaya Bawangula Abalabe Baabwe*

15 Awo Moluddekaayi n'ava mu maaso ga Kabaka ng'ayambadde
ebyambalo bya Kabaka ebya kaniki n'ebyeru, era ng'atikkiddwa engule
ennene eya zaabu, era ng'ayambadde omunagiro ogwa bafuta ennungi
n'olugoye olw'effulungu. Ekibuga ekya Susani ne kisanyuka nnyo.
16 Ate n'eri Abayudaaya kyali kiseera kya ssanyu, n'okujaguza
n'ekitiibwa.
17 Mu buli kitundu, ne mu buli kibuga, ekiragiro kya Kabaka we
kyatuuka, waaliyo essanyu n'okujaguza n'embaga nnene ddala mu Bayu-
daaya. Era abantu bangi abamawanga amalala ne bafuuka Abayudaaya
olw'entiisa ey'Abayudaaya eyali ebakutte.

## 9

1 Ku lunaku olw'ekkumi n'ebiri gwe mwezi Adali, ekiragiro kya
Kabaka lwe kyali kigenda okutuukirizibwa. Ku lunaku olwo abalabe
b'Abayudaaya kwe baasuubirira okubafuga, naye ate Abayudaaya ne
bafuga abo abaabakyawa.
2 Abayudaaya ne bakuŋŋaana mu bibuga byabwe okubuna ebitundu by-
onna ebya Kabaka Akaswero, okukwata abo abaali baagala okubaleetako
obulabe, so tewaali muntu eyayaŋŋanga okubayinza, kubanga entiisa yali
egudde ku bantu bonna abamawanga gonna.
3 Awo abakungu bonna ab'ebitundu, n'abaamasaza, ne bagavana
n'abasigire ba kabaka abaafuganga ne bayamba Abayudaaya, kubanga
entiisa yali ebakutte olwa Moluddekaayi.
4 Moluddekaayi yali akulaakulanye mu lubiri, era n'ettutumu lye ne
lyatiikirira okubuna ebitundu byonna, ate era ne yeeyongera amaanyi
n'obuyinza.
5 Awo Abayudaaya ne batta era ne bazikiriza abalabe baabwe bonna
n'ekitala, era ne bakola nga bwe baayagala abo abaabakyawa.
6 Mu lubiri olw'e Susani, Abayudaaya batta ne bazikiriza abasajja
ebikumi bitaano.
7 Ate era batta Palusandasa, ne Dalufoni, ne Asupasa,
8 Polasa, ne Adaliya, ne Alidasa,
9 Palumasuta, ne Alisayi, ne Alidayi, ne Vaizasa
10 abatabani ekkumi aba Kamani mutabani wa Kammedasa omulabe
w'Abayudaaya. Naye tebaakwata ku munyago.
11 Ku lunaku olwo, Kabaka n'ategeezebwa omuwendo gw'abo abattibwa
mu lubiri e Susani.
12 Awo Kabaka n'agamba Nnabagereka Eseza nti, "Abayudaaya basse
era bazikirizza abasajja ebikumi bitaano, ate era ne batabani ba Kamani
ekkumi nabo battiddwa. Kale kyenkana wa kye bakoze mu bitundu bya
Kabaka ebirala? Kiki ky'osaba kaakano? Onookiweebwa. Era kiki kye
weegayirira? Kale n'akyo kinaakolebwa."

13 Eseza n'addamu nti, "Kabaka bw'anaasiima, enkya Abayudaaya
baweebwe olukusa okukola nga ekiragiro ekya leero bwe kibadde era
emirambo gya batabani ba Kamani ekkumi giwanikibwe ku miti."

14 Amangwago Kabaka n'alagira kikolebwe. Ekiragiro ne kirangirirwa
mu Susani, era emirambo gya batabani ba Kamani ekkumi ne gi-
wanikibwa.

15 Awo ku lunaku olw'ekkumi n'enya mu mwezi ogwa Adali, Abayu-
daaya mu Susani ne beekuŋŋaanya, era ne batta abasajja ebikumi bisatu
mu Susani, naye ne batakwata ku munyago.

16 Mu kiseera kyekimu Abayudaaya abalala abaali mu bitundu bya
Kabaka nabo ne bakuŋŋaana okwerwanirira, n'okufuna ne bafuna
okuwummula eri abalabe baabwe. Ne batta emitwalo nsanvu mu etaano
ku bo naye ne batakwata ku munyago.

17 Bino byabaawo ku lunaku olw'ekkumi n'essatu mu mwezi ogwa Adali,
ku lunaku olw'ekkumi n'ennya ne bawummula era ne balufuula lunaku
lwa kuliirangako mbaga n'olw'okusanyukirangako.

### *Entandikwa y'Embaga Eyitibwa Pulimu*

18 Abayudaaya ab'omu Susani ne bakuŋŋaananga ku lunaku
olw'ekkumi n'essatu ne ku lunaku olw'ekkumi n'ennya, ate ku lunaku
olw'ekkumi n'ettaano ne bawummula, era ne balufuula olunaku
olw'okuliirangako embaga n'okusanyukirangako.

19 Abayudaaya ab'omu byalo abaabeeranga mu bibuga ebitaaliiko
bbugwe kyebaava bafuula olunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi
Adali okuba olunaku okuliirangako embaga n'olw'okusanyukirangako, era
olunaku olw'okuweerazaganirako ebirabo.

20 Awo Moluddekaayi n'awandiika ebyabaawo byonna, era n'aweereza
Abayudaaya bonna abaali mu bitundu byonna ebya Kabaka Akaswero
ebbaluwa, mu matwale ag'okumpi n'agewala,

21 ng'abalagira okukuumanga olunaku olw'ekkumi n'ennya
n'olw'ekkumi n'ettaano mu mwezi ogwa Adali nga lwa mbaga,

22 era nga kye kiseera Abayudaaya kye baafunirako eddembe eri
abalabe baabwe, ate era nga gwe mwezi obuyinike bwabwe lwe bwa-
fuulibwa essanyu, n'okunakuwala kwabwe ne kukoma. Moluddekaayi
n'abiwandiika okujjukira ennaku ezo ng'ennaku ez'okuliirangako embaga
n'okusanyukirangako, ate era n'okuweerezaganya ebyokulya ebirungi, era
n'okugabiranga abaavu ebirabo.

23 Awo Abayudaaya ne basuubiza okukola nga bwe baatandika, nga
Moluddekaayi bwe yabawandiikira.

24 Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe
w'Abayudaaya bonna, yali asalidde Abayudaaya olukwe okubazikiriza,
era ng'akubye akalulu Puli, okubasaanyaawo n'okubazikiriza.

25 Naye Eseza bwe yakimanyisa Kabaka, Kabaka n'awa ekiragiro mu
buwandiike nti olukwe olubi Kamani lwe yali asalidde Abayudaaya ludde
ku mutwe gwe, era ye ne batabani be ne bawanikibwa ku kalabba.

26 Ennaku ezo kyebaava baziyita Pulimu ng'erinnya lya Puli bwe liri.
Awo olw'ebigambo byonna ebyawandiikibwa mu bbaluwa, n'olw'ebyo
bye baalaba, n'ebyabatuukako,

27 Abayudaaya kyebaava balagira ne basuubiza, era ne basuubiriza
ezzadde lyabwe n'abo bonna abanaabeegattangako, nti awatali kwekwasa
nsonga yonna, bateekwa okukwatanga ennaku ezo zombi buli mwaka
ng'ekiwandiiko kyazo bwe kyali era ng'ebiro byazo bwe byali.

28 Ennaku ezo zijjukirwenga ku mirembe gyonna, na buli kika, na buli ssaza era na buli kibuga, era ennaku zino eza Pulimu, Abayudaaya tebalekangayo okuzijagulizaangako, wadde okuzeerabira.
29 Awo Nnabagereka Eseza muwala wa Abikayiri ne Moluddekaayi Omuyudaaya ne bawandiika n'obuyinza bwonna okunyweza ebbaluwa eyo eyookubiri eya Pulimu.
30 Ebbaluwa ne ziweerezebwa, mu bitundu ekikumi mu abiri mu omusanvu (127) eby'obwakabaka bwa Akaswero,
31 n'okuwa ebiragiro nti ennaku ezo eza Pulimu zikuumibwenga mu biro byazo nga Omuyudaaya Moluddekaayi ne Nnabagereka Eseza bwe baabalagira, era nga bwe beeyama bo bennyini n'ezzadde lyabwe okusinziira ku biseera byabwe bye baayitamu eby'okusiiba n'okukungubaga.
32 Awo ekiragiro kya Eseza ne kinyweza ebigambo ebyo ebya Pulimu, era ne kiwandiikibwa mu byafaayo.

# 10

*Obwatiikirivu bwa Moluddekaayi*

1 Kabaka Akaswero n'asalira abantu bonna ab'obwakabaka bwe omusolo, abaabeeranga ku lukalu n'abo abaabeeranga ku bizinga.
2 Era ebikolwa bye byonna eby'obuyinza n'amaanyi ge, n'okutegeereza ddala obukulu bwa Moluddekaayi, Kabaka bwe yamukuza, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka b'e Bumeedi n'e Buperusi.
3 Moluddekaayi Omuyudaaya ye yali addirira Kabaka Akaswero mu buyinza, era yali mukulu mu Bayudaaya ate nga bamussaamu nnyo ekitiibwa, kubanga yakolanga bulungi abantu be, ate era ng'ayagaliza ezzadde lye lyonna emirembe.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Yobu

*Yobu n'eby'Amaka ge byonna*

1 Waaliwo omusajja mu nsi ya Uzzi* erinnya lye Yobu; yali muntu
ataliiko kya kunenyezebwa, nga wa mazima, eyeewalanga ekibi, era
ng'atya Katonda.
2 Yalina abaana aboobulenzi musanvu n'aboobuwala basatu.
3 Mu byobugagga ebingi ennyo bye yalina; mwe mwali endiga kasanvu,
eŋŋamira enkumi ssatu, emigogo gy'ente ezirima ebikumi bitaano,
endogoyi enkazi ebikumi bitaano, n'abaddu bangi nnyo nnyini; yali
mwatiikirivu okusinga abantu abalala bonna mu nsi z'ebuvanjuba.
4 Batabani be baakwatanga embaga z'amazaalibwa gaabwe buli omu
mu mpalo ng'ennaku zaabwe bwe zaali ziddiriŋŋananga mu maka ga
buli omu; era baayitanga bannyinaabwe bonsatule okubajagulizaangako.
5 Ennaku z'embaga bwe zaggwangako, Yobu yabatumyanga
n'abatukuza;† yakeeranga mu makya n'abaweerangayo ebiweebwayo
ebyokebwa ng'omuwendo gwabwe bwe gwali ng'alowooza nti,
"Oboolyawo ng'abaana bange bayonoonye ne bavvoola Katonda mu
mitima gyabwe." Kino yakikolanga bulijjo.

*Setaani Agezesa Yobu*

6 Olunaku lumu, bamalayika ne bajja mu maaso ga MUKAMA, ne Setaani
naye n'ajjiramu.
7 MUKAMA n'abuuza Setaani nti, "Ova wa?"
Setaani n'addamu MUKAMA nti, "Nva kutalaaga nsi yonna okulaba
ebintu nga bwe biri."
8 MUKAMA Katonda n'abuuza Setaani nti, "Weetegerezza omuddu
wange Yobu, atalina amufaanana, anzisaamu ekitiibwa, ataliiko
kyakunenyezebwa era eyeewala buli ngeri yonna eyinza okukozesa
omuntu ebibi?"
9 Setaani n'addamu MUKAMA Katonda nti, "Ekitiibwa akussaamu kya
bwereere?
10 Tomukozeeko lukomera ye n'ennyumba ye, n'eby'obugagga by'alina?
Buli ky'akola okiwadde omukisa; n'eby'obugagga bye byeyongedde nnyo
obungi!
11 Kale geza okwate ku by'alina obimuggyeko olabe nga taakwegaane
nga n'ensi yonna eraba!"
12 MUKAMA Katonda n'agamba Setaani nti, "Byonna by'alina biri mu
mikono gyo, naye togeza n'okwata ku bulamu bwe." Oluvannyuma
lw'ebyo Setaani n'ava mu maaso ga MUKAMA.

*Yobu afiirwa Abaana be n'eby'Obugagga bwe*

13 Awo olunaku lumu, batabani ba Yobu ne bawala be bwe baali banywa
omwenge era nga baliira ebyassava mu maka ga mukulu waabwe,
14 omubaka n'ajja eri Yobu n'amugamba nti, "Ente zibadde zirima nga
n'endogoyi ziri kumpi nazo,

---

* **1:1** Uzzi yali nsi eyali ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'omugga Yoludaani. Yobu teyali Muyisirayiri.
† **1:5** Etteeka lya Musa nga terinnabaawo, omukulu w'ennyumba ye yabanga kabona w'ennyumba ye.

15 Abaseba‡ ne bazigwako ne bazitwala era n'abaddu bonna ne babatta
nze nsigaddewo nzekka okujja okukutegeeza bino."
16 Oyo aba akyayogera ebyo, laba, omubaka omulala n'atuuka
naye n'amugamba nti, "Omuliro gubuubuuse nga guva mu ggulu ne
gusaanyaawo endiga zonna n'abasumba baazo, nze nsigaddewo nzekka
okukutegeeza bino."
17 N'oyo aba akyayogera, n'omubaka omulala n'atuuka, n'agamba nti,
"Abakaludaaya§ bazze nga beetegese mu bibinja bisatu, ne bagwa ku
ŋŋamira ne bazitwala era ne batta n'abaddu ababadde bazirabirira, era
nze nzekka nze nsigaddewo okujja okukumanyisa bino."
18 Aba akyayogera, laba, n'omulala n'ajja n'amugamba nti, "Batabani bo
ne bawala bo babadde baliira era nga banywera omwenge mu nnyumba
ya mukulu waabwe,
19 laba, omuyaga ogw'amaanyi guvudde mu ddungu ne gugoyaagoya
ennyumba yonna mwe babadde era bonna bafiiriddemu nze mponyeewo
nzekka okujja okukubikira."
20 Yobu olwawulira bino byonna, n'agolokoka n'ayuza ebyambalo bye
n'amwa omutwe gwe, n'avuunama n'asinza:
21 n'agamba nti,
"Nazaalibwa sirina kantu
era bwe ntyo bwe ndiddayo.
MUKAMA ye yawa era MUKAMA y'aggyeewo,
erinnya lya MUKAMA Katonda lyebazibwe."
22 Mu bino byonna Yobu teyayonoona kubanga teyeemulugunyiza
Katonda.

# 2

*Obulamu bwa Yobu Bukwatibwako*

1 Ku lunaku olulala bamalayika ne bajja okukiika mu maaso ga MUKAMA
Katonda, ne Setaani naye n'ajjiramu.
2 MUKAMA Katonda n'abuuza Setaani nti, "Ova wa?" Setaani
n'amuddamu nti, "Nva kutalaaga ensi yonna."
3 MUKAMA Katonda n'agamba Setaani nti, "Olowoozezza ku muddu
wange Yobu? Talina kyakunenyezebwa, mwesimbu, atya Katonda era
eyeewala ekibi bw'atyo talina amufaanana. Anywezezza obutuukirivu
bwe newaakubadde nga wansokasoka mmuzikirize awatali nsonga."
4 Setaani n'amuddamu nti, "Eddiba olw'eddiba, omuntu kyaliva awaayo
byonna by'alina olw'okuwonya obulamu bwe;
5 naye golola omukono gwo okwate ku magumba ge n'omubiri gwe olabe
oba taakwegaane."
6 MUKAMA Katonda n'amugamba nti, "Weewaawo, ali mu mukono gwo,
kyokka mulekere obulamu bwe."
7 Awo Setaani n'ava awali MUKAMA Katonda, n'alwaza Yobu amayute
amazibu okuva ku mutwe, okutuukira ddala ku bigere.
8 Yobu n'atandika okweyaguzanga oluggyo ng'eno bw'atudde mu vvu.
9 Kyokka mukyala we n'amugamba nti, "Okyagugubidde ku butuukirivu
bwo? Weegaane Katonda ofe!"

‡ **1:15** Abaseba baali balunzi abaatambulanga okuva mu kifo ekimu nga balaga mu kirala, nga babeera mu bukiikaddyo bwa Buwalabu. § **1:17** Abakaludaaya baali batambuze mu ddungu okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala nga babeera mu Mesopotamiya. Oluvannyuma baasalawo okubeera mu kifo kimu ne bassaawo Obwakabaka bw'e Babulooni.

10 Naye ye n'amuddamu nti, "Oyogera ng'omu ku bakazi abatategeera
bwe bandyogedde! Tunaafunanga birungi byereere mu mukono gwa
Katonda?"
Mu bino byonna Yobu teyayonoona na kamwa ke.

### *Mikwano gya Yobu Abasatu*

11 Awo mikwano gya Yobu abasatu; Erifaazi* Omutemani, Birudaadi
Omusuki, ne Zofali Omunaamasi bwe baawulira emitawaana egyali
gituuse ku mukwano gwabwe, ne bajja buli omu okuva ewuwe ne
basisinkana nga bwe baali bateesezza, bagende bamusaasire bamuzzeemu
amaanyi.
12 Tebaamutegeererawo nga bakyali wala, olw'embeera gye yalimu; ne
bayimusa amaloboozi gaabwe ne bakuba ebiwoobe ne bayuza ebyambalo
byabwe ne bayiwa enfuufu ku mitwe gyabwe.
13 Awo ne batuula naye we yali atudde okumala ennaku musanvu
emisana n'ekiro nga tewali anyega, olw'obulumi obungi Yobu bwe yalimu.

# 3

### *Yobu Akolimira Olunaku kwe Yazaalirwa*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, Yobu n'ayasamya akamwa ke n'akolimira
olunaku kwe yazaalirwa.
2 N'agamba nti,
3 "Olunaku kwe nazaalirwa luzikirire,
n'ekiro lwe kyalangirirwa nti omwana mulenzi.
4 Olunaku olwo lubuutikirwe ekizikiza,
omusana guleme okulwakako,
Katonda aleme okulufaako.
5 Ekizikiza n'ekisiikirize eky'okufa birujjule,
ekire kirutuuleko,
ekizikiza kikankanye ekitangaala kyalwo.
6 Ekizikiza ekikutte be zigizigi kirunyage,
luleme okubalirwa awamu n'ennaku eziri mu mwaka,
wadde okuyingizibwa mu ezo eziri mu mwezi.
7 Yee, lubeere lugumba,
waleme okuba eddoboozi lyonna ery'essanyu eririwulirwako.
8 Abo abakolimira ennyanja n'ennaku balukolimire,
n'abo abamanyi okuzuukusa agasolo galukwata mu nnyanja,
balukolimire.
9 Emmunyeenye ez'omu matulutulu gaalwo zibe ekizikiza,
lulindirire ekitangaala kirubulwe,
luleme okulaba ebikowe by'oku nkya.
10 Kubanga terwaggala nzigi za lubuto lwa mmange,
nneme okulaba obuyinike.

11 "Lwaki saafa nga nzalibwa,
oba ne nfa nga nva mu lubuto lwa mmange?
12 Lwaki amaviivi ganzikiriza okugatuulako
era n'amabeere okugayonka?
13 Kaakano nandibadde ngalamidde nga neesirikidde,
nandibadde neebase nga neewummulidde,

* **2:11** Erifaazi yali Mumowaabu eyabeeranga mu Temani.

14 wamu ne bakabaka n’abakungu ab’ensi,
abezimbira embiri kaakano amatongo,
15 oba n’abalangira abaalina zaabu,
abajjuzanga ffeeza mu nnyumba zaabwe.
16 Oba lwaki saaziikibwa ng’omwana azaaliddwa ng’afudde,
atalabye ku kitangaala?
17 Eyo ababi gye batatawaanyizibwa,
era n’abakooye gye bawummulira.
18 Abasibe gye bawummulira awamu,
gye batawulirira kiragiro ky’oyo abaduumira.
19 Abakopi n’abakungu gye babeera;
abaddu gye batatuntuzibwa bakama baabwe.

20 “Lwaki omuyinike aweebwa ekitangaala,
ne kimulisiza oyo alumwa mu mwoyo,
21 era lwaki yeegomba okufa naye ne kutajja,
n’akunoonya okusinga obugagga obuziikiddwa,
22 abajaguza ekisukkiridde,
ne basanyuka ng’atuuse ku ntaana?
23 Lwaki okuwa ekitangaala oyo,
atayinza kulaba kkubo,
Katonda gw’akomedde?
24 Kubanga nkaaba mu kifo ky’okulya,
n’okusinda kwange kufukumuka ng’amazzi.
25 Ekintu kye nantiiranga ddala
era kye nakyawa kye kyantukako.
26 Siwummudde wadde okusiriikirira wadde okuba n’emirembe,
wabula buzibu bwereere bwe bunzijidde.”

# 4

*Erifaazi Ayogera*

1 Awo Erifaazi Omutemani n’ayanukula ng’agamba nti,
2 “Omuntu bw’anaayogera naawe onoonyiiga?
Naye ani ayinza okusirika obusirisi?
3 Laba, wayigiriza bangi,
emikono eminafu wagizzaamu amaanyi.
4 Ebigambo byo byanyweza abaali bagwa,
era ng’ozzaamu amaanyi amaviivi agaali gakankana.
5 Naye kaakano kikutuuseeko, oweddemu amaanyi;
kikutte ku ggwe n’oggwaawo!
6 Okutya Katonda wo si bwe bwesige bwo,
n’obwesimbu bwo si ly’essuubi lyo?

7 “Kaakano lowooza; ani ataliiko musango eyali azikiridde?
Oba wa abatuukirivu gye baali bamaliddwawo?
8 Okusinziira ku kyendabye; abo abateekateeka okukola ebibi era ne basiga
ebitali bya butuukirivu,
bakungula bizibu.
9 Bazikirizibwa omukka Katonda gw’assa,
bamalibwawo obusungu bwe.

10 Okuwuluguma kw’empologoma, n’eddoboozi ly’empologoma enkambwe,
n’amannyo g’empologoma ento gamenyeka.
11 Empologoma ey’amaanyi ezikirira olw’okubulwa omuyiggo,
n’obwana bw’empologoma busaasaana.

12 “Nategeezebwa ekigambo eky’ekyama,
ne nkitegera okutu.
13 Wakati mu birowoozo n’okwolesebwa kw’ekiro
ng’otulo otungi tukutte omuntu,
14 okutya n’okukankana byankwata ne bireetera amagumba gange okunyegenya.
15 Omwoyo gw’ayita mu maaso gange,
obwoya bw’oku mubiri gwange ne buyimirira.
16 Ne buyimirira butengerera,
naye saasobola kwetegereza ndabika yaabwo,
n’ekifaananyi kyali mu maaso gange, ne wabaawo akasiriikiriro,
ne ndyoka mpulira eddoboozi nga ligamba nti,
17 ‘Omuntu afa ayinza okuba omutuukirivu okusinga Katonda?
Omuntu ayinza okuba omulongoofu okusinga Omutonzi we?
18 Obanga abaddu be tabeesiga,
nga bamalayika be abalanga ensobi
19 kale kiriba kitya,
abo abasula mu z’ebbumba ezirina emisingi egiri mu nfuufu,
ababetentebwa n’okusinga ekiwojjolo?
20 Bamalibwawo wakati w’amakya n’akawungeezi,
bazikirira emirembe n’emirembe awatali abafaako.
21 Omuguwa gwa weema yaabwe gusimbulwa munda,
ne bafa ng’abasirusiru.’ ”

# 5

1 “Koowoola kaakano, waliwo anaakuyitaba?
Era ani ku batukuvu gw’onoolaajaanira?
2 Obukyayi butta atalina magezi,
n’obuggya butta omusirusiru.
3 Ndabye abasirusiru nga banywevu,
naye mangu ddala ne nkolimira ekifo kye batuulamu.
4 Abaana baabwe tebalina bukuumi,
babetenterwa mu luggya nga tewali abawolereza.
5 Omuyala alya amakungula gaabwe
era atwala n’ag’omu maggwa
era awankirawankira eby’obugagga byabwe.
6 Kubanga okulaba ennaku tekuva mu nsi,
wadde obuzibu okuva mu ttaka,
7 wabula abantu bazaalibwa kulaba nnaku,
ng’ensasi bwe zibuuka waggulu.
8 Naye nze, nzija kunoonya Katonda
era mmulekere ensonga zange.
9 Akola ebikulu, ebitanoonyezeka,
ebyewuunyisa ebitabalika.
10 Atonnyesa enkuba ku nsi,

n'aweereza amazzi mu byalo.
11 Ayimusa abo abanyigirizibwa
n'abo abakaaba ne basitulibwa mu mirembe.
12 Aziyiza enkwe z'ababi,
emikono gyabwe gireme okutuukiriza bye bateesa.
13 Agwikiririza abagezigezi mu bukujjukujju bwabwe,
n'enkwe zaabwe n'aziziyiriza ddala.
14 Ekizikiza kibabuutikira emisana,
ne bawammanta mu ttuntu ng'ekiro.
15 Naye aggya abali mu bwetaavu mu mukono gw'abo ab'amaanyi,
n'abawonya ekitala kyabwe.
16 Abaavu ne balyoka baba n'essuubi,
n'akamwa k'abatali benkanya ne kazibibwa.

17 “Alina omukisa omuntu Katonda gw'abuulirira;
noolwekyo tonyooma kukangavvula kw'oyo Ayinzabyonna.
18 Kubanga ye y'afumita ate era y'anyiga,
y'alumya era y'awonya.
19 Alikuwonya mu buzibu bwa ngeri mukaaga.
Weewaawo ne mu ngeri musanvu tootuukibwengako kulumizibwa.
20 Mu njala alikuwonya okufa,
era anaakuwonyanga mu lutalo olw'ekitala.
21 Onookuumibwanga eri olulimi olukambwe,
era tootyenga okuzikirira bwe kunaabanga kujja gy'oli.
22 Oliseka ng'okuzikirira n'enjala bizze,
era tootyenga nsolo nkambwe ez'oku nsi.
23 Onoobanga n'enkolagana n'amayinja ag'omu nnimiro,
era onoobanga n'emirembe awali ensolo enkambwe.
24 Olimanya nti, ensiisira yo eri mirembe;
era eby'obugagga byo olibibala n'olaba nga tewali kibuzeeko.
25 Olimanya ng'ezzadde lyo liriba ddene,
ne bazzukulu bo baliba bangi ng'omuddo ogw'oku nsi.
26 Olituusibwa ku ntaana yo nga wakaddiyira ddala,
ng'eŋŋaano bwe tuukira mu kiseera kyayo.

27 “Ekyo twakyekenneenya, kituufu.
Kimanye nga kikwata ku ggwe.”

# 6

*Yobu Ayanukula*

1 Yobu n'ayanukula ng'agamba nti,
2 “Singa okweraliikirira kwange,
n'okubonaabona kwange bipimibwa ne biteekebwa ku minzaani!
3 Weewaawo byandisinze omusenyu gw'ennyanja okuzitowa;
ebigambo byange kyenvudde mbyanguyiriza.
4 Obusaale bwa Ayinzabyonna buli mu nze
n'omwoyo gwange gunywedde obusagwa bwabwo:
entiisa ya Katonda erwana nange.
5 Entulege ekaaba awali omuddo,
oba ente ennume eŋŋooŋŋa awali emmere yaayo?
6 Emmere etaliimu nsa eriika omutali munnyo,

oba amazzi g'eggi okubaamu akawoomerera?
7 Omutima gwange tegusikirizibwa kubikombako,
biri ng'emmere etangasa.

8 "Singa Katonda ampa kye nsaba,
n'ampa kye nsuubira,
9 yandisiimye okumbetenta
ne mmalibwawo omukono gwe.
10 Kino kyandikkakkanyizza
obulumi obutakoma
kubanga sigaanye bigambo bya Mutukuvu.
11 Amaanyi ngaggya wa, ndyoke mbe n'essuubi?
Era enkomerero yange, eruwa ndyoke ngumiikirize?
12 Amaanyi gange ga mayinja
oba omubiri gwange gwa kikomo?
13 Mu mazima sirina maanyi
n'obusobozi bwanzigwako.
14 Oyo agaana ebyekisa okuva eri mukwano gwe
tafaayo kutya Ayinzabyonna.
15 Baganda bange tebeesigika, bali ng'akagga akabooga
ate ne kakalira,
16 akaddugalirira
buli lwe kakwata, ng'omuzira,
17 ate ne kaggwaawo
buli lwe wabaawo ebbugumu.
18 Ebibinja by'abatambuze we biviira ku mugendo
ne biraga mu ddungu ne bizikirira.
19 Abatambuze b'e Teema banoonya,
bo ab'e Seeba ne balindirira n'essuubi.
20 Baalina essuubi
naye bwe baatuukayo ne banyolwa nnyo.
21 Kaakano bwe mundabye ne mutya
ne mukakasizza ddala nga temuliiko kye muyinza kukola.
22 Nnali mbagambye nti, 'Mumpe ekirabo,'
oba nti, 'Mumpeereyo ekintu ku by'obugagga bwammwe,
23 okumponya nve mu mukono gw'omulabe,
n'okumpeerayo ekintu mpone emitego gy'abakambwe'?

24 "Njigiriza nange n'aba musirise;
ndaga we nsobezza.
25 Ebigambo eby'amazima nga bya bulumi!
Naye okuwakana kwammwe kukakasa ki?
26 Mugezaako okugolola ebigambo byange,
ne mufuula ebigambo by'omuntu ali obubi okuba ng'empewo?
27 Mukubira ne bamulekwa akalulu
ate ne mukubira ne mukwano gwammwe.

28 "Naye kaakano mubeere ba kisa muntunuulire.
Ndabika ng'omulimba?
29 Mufumiitirize, temusuula bwenkanya;
Mukirowoozeeko, kubanga obujulirwa bwange buli ku kalebwerebwe.

30 Emimwa gyange girabika ng'egirimba?
Emimwa gyange tegisobola kutegeera ttima?"

# 7

1 "Ebiseera by'omuntu ku nsi, tebyagerebwa?
Ennaku ze tezaagerebwa nga ez'omupakasi?
2 Ng'omuddu eyeegomba ekisiikirize okujja,
ng'omupakasi bwe yeesunga empeera ye;
3 bwe ntyo bwe nnaweebwa emyezi egy'okubonaabona,
ebiro ebyokutegana bwe byangererwa.
4 Bwe ngalamira neebake, njogera nti, 'Ndiyimuka ddi, ekiro kinaakoma ddi?'
Nga nzijudde okukulungutana okutuusa obudde lwe bukya.
5 Omubiri gwange gujjudde envunyu n'ebikakampa,
n'olususu lwange lukutusekutuse era lulabika bubi.

6 "Ennaku zange zidduka okusinga ekyuma ky'omulusi w'engoye bw'atambuza ky'alusisa engoye ze;
era zikoma awatali ssuubi.
7 Ojjukira Ayi Katonda, nti obulamu bwange tebuliimu, wabula mukka bukka,
amaaso gange tegaliddayo kulaba bulungi.
8 Eriiso ly'oyo eryali lindabyeko teririddayo kundaba;
amaaso gammwe galinnoonya, naye nga sikyaliwo.
9 Nga ekire bwe kibulawo ne kigenda,
bw'atyo n'aziikwa mu ntaana talivaayo.
10 Taliddayo mu nnyumba ye,
amaka ge tegaliddayo kumumanya nate.
11 Noolwekyo sijja kuziyiza kamwa kange, nzija kwogera okulumwa kw'omutima gwange;
nzija kwemulugunyiza mu bulumi bw'emmeeme yange.
12 Ndi nnyanja oba ndi lukwata ow'omu buziba,
olyoke onkuume?
13 Bwe ndowooza nti, obuliri bwange bunampa ku mirembe,
ekiriri kyange kinakendeeza ku kulumwa kwange;
14 n'olyoka ontiisa n'ebirooto
era n'onkanga okuyita mu kwolesebwa.
15 Emmeeme yange ne yeegomba okwetuga,
nfe okusinga okuba omulamu.
16 Sikyeyagala, neetamiddwa. Sijja kubeera mulamu emirembe gyonna.
Ndeka; kubanga ennaku zange butaliimu.
17 Omuntu kye ki ggwe okumugulumiza,
n'omulowoozaako?
18 Bw'otyo n'omwekebejja buli makya,
n'omugezesa buli kaseera?
19 Olituusa ddi nga tonvuddeeko
n'ondeka ne mmira ku malusu?
20 Nyonoonye;
kiki kye nakukola, ggwe omukuumi w'abantu?
Lwaki onfudde nga akabonero ak'obulabe gy'oli,
ne neefuukira omugugu?
21 Era lwaki tosonyiwa kwonoona kwange,

n'oggyawo obutali butuukirivu bwange?
Kubanga kaakano nzija kwebaka mu ntaana;
era ojja kunnoonya ku makya naye naaba sikyaliwo."

# 8

*Birudaadi Ayogera*

1 Awo Birudaadi Omusukusi n'addamu n'agamba nti,
2 "Onookoma ddi okwogera ebintu bino?
Era ebigambo bino by'oyogera n'akamwa ko binaakoma ddi okuba ng'empewo ey'amaanyi?
3 Katonda akyusakyusa mu nsala ye?
Oba oyo Ayinzabyonna akyusakyusa amazima?
4 Abaana bo bwe baayonoona eri MUKAMA,
n'abawaayo eri empeera y'ekibi kyabwe.
5 Kyokka bw'onoonoonya Katonda,
ne weegayirira oyo Ayinzabyonna,
6 bw'onooba omulongoofu era ow'amazima,
ddala ddala anaakuddiramu
n'akuzzaayo mu kifo kyo ekituufu.
7 Wadde ng'entandikwa yo yali ntono,
embeera yo ey'enkomerero ejja kuba nnungi ddala.
8 Buuza ku mirembe egy'edda,
era onoonyereze ku bakitaabwe bye baayiga;
9 kubanga ffe twazaalibwa jjuuzi era tetulina kye tumanyi,
era ne nnaku ze twakamala ku nsi ziri ng'ekisiikirize.
10 Tebaakulage bakumanyise era bakutegeeze ebigambo bye mitima gyabwe
oba by'okutegeera kwabwe?
11 Ebitoogo biyinza okumera
awatali bitosi?
12 Biba bikyakula nga tebinnasalibwa,
bikala mangu okusinga omuddo.
13 Bw'etyo enkomerero bw'ebeera ey'abo bonna abeerabira Katonda,
essuubi ly'abatatya Katonda bwe libula.
14 Ebyo bye yeesiga byatika mangu,
ebyo bye yeesiga, nnyumba ya nnabbubi!
15 Yeesigama wuzi za nnabbubi ne zikutuka
azeekwatako nnyo naye ne zitanywera.
16 Ali ng'ekimera ekifukirire obulungi ekiri mu musana,
nga kyanjadde amatabi gaakyo mu nnimiro;
17 emirandira gyakyo nga gyezingiridde, okwetooloola entuumu y'amayinja,
nga ginoonya ekifo mu mayinja.
18 Naye bwe bakiggya mu kifo kyakyo,
ekifo ekyo kikyegaana ne kigamba nti, Sikulabangako.
19 Mazima ddala essanyu lyakyo liggwaawo,
ebirime ebirala ne bikula okuva mu ttaka.
20 Mazima ddala Katonda talekerera muntu ataliiko musango,
era tanyweza mukono gw'abakola ebibi.
21 Ajja kuddamu ajjuze akamwa ko enseko,
n'emimwa gyo amaloboozi ag'essanyu.

22 Abalabe bo balijjula obuswavu,
era n'ennyumba z'abakozi b'ebibi zirimalibwawo."

# 9

*Yobu Ayanukula*

1 Yobu n'alyoka addamu nti,
2 "Ddala nkimanyi nga kino kituufu.
Naye omuntu asobola atya okuba omutuukirivu eri Katonda?
3 Wadde ng'omuntu yandyagadde okuwakana naye,
tayinza kumuddamu kibuuzo na kimu ku bibuuzo olukumi.
4 Amagezi ge ga nsusso, amaanyi ge mangi nnyo;
ani eyali amuwakanyizza n'avaayo nga taliiko binuubule?
5 Asimbula ensozi ne zivaayo nga tezimanyiridde
era n'azivuunika ng'asunguwadde.
6 Ensi aginyeenya n'eva mu kifo kyayo
era n'akankanya empagi zaayo.
7 Ayogera eri enjuba ne teyaka,
akugira n'alemesa ekitangaala ky'emmunyeenye okulabika.
8 Ye yekka abamba eggulu
era n'atambulira ku mayengo g'ennyanja.
9 Ye mukozi wa Nabaliyo, entungalugoye ne Kakaaga,
n'ebibinja eby'emunyeenye eby'obukiikaddyo.
10 Akola ebyewuunyo ebizibu okunnyonnyola,
n'akola n'ebyamagero ebitabalika.
11 Bw'ayita we ndi sisobola kumulaba,
bw'ampitako, sisobola kumutegeera.
12 Bw'aba alina ky'aggya ku muntu, ani ayinza okumuziyiza?
Ani ayinza okumubuuza nti kiki ky'okola?
13 Katonda taziyiza busungu bwe;
n'ebibinja bya Lakabu byakankanira wansi w'ebigere bye.
14 Kaakano nnyinza ntya okuwakana naye?
Nnyinza ntya okufuna ebigambo mpakane naye?
15 Wadde nga siriiko musango, sisobola kubaako kye muddamu,
mba nnyinza kwegayirira bwegayirizi oyo Omulamuzi wange ankwatirwe ekisa.
16 Ne bwe na ndimukoowodde n'ampitaba,
sirowooza nti yandimpadde ekiseera n'ampuliriza.
17 Yandimenyeemenye mu muyaga
nannyongerako ebiwundu awatali nsonga.
18 Teyandindese kuddamu mukka
naye yandimmaliddewo ddala nga mbonaabona.
19 Bwe kiba nga kigambo kya maanyi bwanyi, ye wa maanyi.
Era bwe kiba kya kusala musango, ani alimuyita?
20 Ne bwe sandibaddeko musango, akamwa kange kandigunsalidde.
Ne bwe bandinnangiridde nti siriiko kyakunenyezebwa, kandirangiridde nti gunsinze.

21 "Wadde nga sirina kyakunenyezebwa,
sikyefaako,
obulamu bwange mbunyooma.
22 Byonna kye kimu, kyenva ŋŋamba nti,

Azikiriza bonna abataliiko musango awamu n'abakozi b'ebibi.
23 Kawumpuli bw'aba asse mbagirawo,
MUKAMA asekerera okubonaabona kw'abatalina musango.
24 Ensi yaweebwayo mu mukono gw'abakozi b'ebibi.
Abikka ku maaso g'abagiramula.
Bw'aba nga si MUKAMA, kale ani?
25 Kaakano ennaku zange zidduka okusinga omuddusi,
zifuumuuka, tezirina kalungi ke ziraba.
26 Zifuumuuka ng'amaato ag'ebitoogo* agadduka ennyo,
ng'empungu eyanguyiriza okugenda eri omuyiggo.
27 Bwe ŋŋamba nti, Leka neerabire okusinda kwange,
oba nti neerabire obunyiikaavu bwange, nsekemu,
28 ne neekokkola okubonaabona kwange,
mmanyi nga MUKAMA tombale ng'ataliiko musango.
29 Omusango gunsinze,
lwaki nteganira obwereere?
30 Ne bwe nandinaabye sabbuuni
n'engalo zange ne nzitukuza,
31 era wandinsudde mu kinnya,
n'engoye zange zennyini ne zinneetamwa.
32 Kubanga MUKAMA si muntu nga nze bwe ndi nti muddemu,
era nti tusisinkane tuwozaŋŋanye mu mbuga z'amateeka.
33 Tewali mutabaganya
ayinza kututeekako mukono gwe ffembi,
34 eyandizigyeko omuggo gwa Katonda
entiisa ye n'erekeraawo okunzijira.
35 Olwo nno nandyogedde nga simutya;
naye nga bwe kiri kaakano, sisobola."

# 10

1 "Obulamu bwange mbukyayidde ddala,
noolwekyo leka nfukumule okwemulugunya kwange,
njogerere mu kulumwa kw'emmeeme yange.
2 Nnaagamba Katonda nti, Tonsalira musango ne gunsinga,
ntegeeza ky'onvunaana.
3 Kikusanyusa okunnyigiriza,
okunyooma omulimu gw'emikono gyo,
n'owagira emirimu gy'abakozi b'ebibi?
4 Amaaso go ga mubiri?
Olaba ng'omuntu bw'alaba?
5 Ennaku zo zisinga ez'omuntu,
n'emyaka gyo gisinga egy'omuntu,
6 olyoke onoonye ebisobyo byange
era obuulirize ekibi kye nkoze,
7 newaakubadde ng'omanyi nti sirina musango
era nga tewali n'omu ayinza kunzigya mu mukono gwo?

8 "Emikono gyo gye gyammumba, gye gyankola.
Ate kaakano onookyuka okunsanyaawo?

* **9:26** Amaato ag'ebitoogo gaakolebwanga mu Misiri

9 Jjukira nti wammumba ng’ebbumba,
ate kaakano onoonfuula ng’enfuufu?
10 Tewanzitulula ng’amata
n’onkwasa ng’omuzigo?”
11 Tewannyambaza omubiri n’olususu,
n’oluka amagumba n’ebinywa n’ongatta?
12 Kale wampa okuganja mu maaso go,
era walabirira, n’omwoyo gwange.
13 Naye bino wabikweka mu mutima gwo,
era mmanyi nga byali mu birowoozo byo.
14 Singa nyonoona, ondaba
era tewandindese n’otombonereza.
15 Bwe mba nga nsingibbwa omusango,
zinsanze nze!
Newaakubadde nga sirina musango, sisobola kuyimusa mutwe gwange,
kubanga nzijjudde obuswavu era mu kunyigirizibwa kwange, mwe nsaanikiddwa.
16 Bwe mba ng’asituka, n’onjigga ng’empologoma,
era n’onnumba n’amaanyi go amangi ennyo.
17 Oleeta abajulizi abajja okunnumiriza,
era obusungu bwo ne bweyongera gye ndi;
amayengo ne gajja okunnumba olutata.

18 “Kale lwaki wanziggya mu lubuto lwa mmange?
Wandindese nga tewannabaawo liiso lyonna lindabyeko.
19 Singa satondebwa,
oba singa natwalibwa butereevu okuva mu lubuto ne nzikibwa.
20 Ennaku zange entono kumpi teziweddeeko?
Ndeka mbeeko n’akaseera ak’okusanyuka,
21 nga sinnaba kugenda mu kifo eteri kudda,
ekiri mu nsi ejjudde ekizikiza, n’ekisiikirize eky’ebuziba,
22 y’ensi ey’ekizikiza ekikutte, eyeekisiikirize eky’ebuziba
era n’okutabukatabuka,
ng’omusana gwayo guli nga ekizikiza.”

# 11

*Zofali Ayogera*

1 Awo Zofali Omunaamasi n’ayogera nti,
2 “Ebigambo ebyo byonna bisigale nga tebiddiddwamu?
Omwogezi ono anaabalibwa ng’ataliiko musango?
3 Okwogera kwo okutaliimu kunaatusirisa?
Oduule bw’otyo wabulewo akunenya?
4 Ogamba Katonda nti, ‘Ebirowoozo byange tebirina nsobi,
era ndi mutukuvu mu maaso go.’
5 Naye, singa Katonda ayogera,
singa abikkula akamwa ke n’akuddamu,
6 n’akubikkulira ebyama by’amagezi;
kubanga amagezi amatuufu ddala galiko enjuuyi bbiri.
Manya kino: Katonda n’okwerabira yeerabira ebimu ku bibi byo.

7 “Osobola okupima ebyama bya Katonda?

Oyinza okunoonyereza ku Ayinzabyonna n'omumalayo?
8 Bigulumivu okusinga eggulu, kiki ky'osobola okukola?
Bikka okusinga obuziba bw'emagombe, kiki ky'osobola okumanya?
9 Obuwanvu bwabyo businga ensi
era bugazi okusinga ennyanja.

10 "Singa ajja n'akusibira mu kkomera era n'atuuza olukiiko,
ani ayinza okumuwakanya?
11 Mazima ddala amanya abantu abalimba.
Bw'alaba ebibi, tabifaako?
12 Naye omuntu omusirusiru, talifuna magezi,
ng'omwana gw'endogoyi ogw'omu nsi bwe gutayinza kuzaalibwa nga gusobola okufugibwa.

13 "Naye bw'owaayo omutima gwo gy'ali,
n'ogolola emikono gyo gy'ali,
14 singa oggyawo ekibi ekiri mu mukono gwo,
n'otokkiriza kibi kubeera mu weema yo,
15 olwo onoositula omutwe n'obwenyi bwo nga tokwatibwa nsonyi,
era oyimirire ng'oli munywevu awatali kutya.
16 Mazima ddala ojja kwerabira emitawaana gyo,
olijjukira bujjukizi ng'amazzi agaayita edda.
17 Obulamu bujja kwaka okusinga omusana ogw'omu ttuntu,
n'ekizikiza kijja kufuuka ng'obudde obw'oku nkya.
18 Olibeera munywevu, kubanga olibeera n'essuubi;
olitunuulira ebikwetooloodde n'owummulira mu mirembe.
19 Oligalamira nga tewali n'omu akutiisa,
era bangi abalikunoonyaako omukisa.
20 Naye amaaso g'abakozi b'ebibi galiremererwa,
era tebalisobola kuwona,
essuubi lyabwe libeere ng'omukka ogw'enkomerero."

# 12

*Yobu Ayanukula*

1 Awo Yobu n'amuddamu nti,
2 "Awatali kubuusabuusa muli bantu.
Bwe mulifa n'amagezi gammwe ne gafa.
3 Naye nange nnina amagezi ntegeera,
temunsinga.
Ani atabimanyi ebyo byonna?
4 Nfuuse ekisekererwa eri mikwano gyange.
Nze eyakoowolanga Katonda n'anziramu,
ne nsekererwa obusekererwa, ate nga ndi mutukuvu ataliiko musango!
5 Abantu abali mu ddembe lyabwe batera okusekerera abali mu mitawaana,
ng'ebizibu bwe biba ku abo ababa batuuse awazibu.
6 Weema z'abanyazi tezibaako mutawaana,
era abo abanyiiza Katonda babeera mu ddembe
abo abeetikka katonda waabwe mu mikono gyabwe.
7 Naye buuza ensolo zijja kukuyigiriza,

oba ebinyonyi eby'omu bbanga binaakubuulira.
8 Oba yogera n'ettaka linaakusomesa
oba ebyennyanja eby'omu nnyanja binaakunnyonnyola.
9 Biki ku bino ebitamanyi nti,
omukono gwa MUKAMA gwe gukoze ebyo?
10 Buli bulamu bwa kitonde buli mu mukono gwe,
na buli mukka ogussibwa abantu bonna.
11 Okutu tekugezesa bigambo
ng'olulimi bwe lukomba ku mmere?
12 Amagezi tegasangibwa mu bakaddiye?
Okuwangaala tekuleeta kutegeera?
13 Katonda y'alina amagezi n'amaanyi;
y'ateesa ebigambo era y'alina okutegeera.
14 Ky'amenya teri ayinza kuddamu kukizimba;
ky'asiba mu kkomera tekiyinza kuteebwa.
15 Bw'aziyiza amazzi, ekyeeya kijja,
bw'agata gazikiriza ensi.
16 Ye, ye nannyini maanyi n'obuwanguzi,
abalimba n'abalimbibwa bonna babe.
17 Aggyawo abawi b'amagezi nga tebalina kantu,
abalamuzi n'abafuula abasirusiru.
18 Bakabaka abaggyako enjegere ze beesiba ebiwato byabwe,
n'abasibamu obukete.*
19 Bakabona abatwala nga tebalina kantu,
n'asuula abasajja abaanywera.
20 Aziba emimwa egy'abawi b'amagezi abeesigwa,
era n'aggyawo okwolesebwa kw'abakadde.
21 Ayiwa ekivume ku bakungu,
era n'aggya ebyokulwanyisa ku b'amaanyi.
22 Abikkula ebintu eby'ebuziba eby'ekizikiza,
n'aleeta n'ebisiikirize eby'amaanyi mu kitangaala.
23 Afuula amawanga okuba ag'amaanyi, era n'agazikiriza;
agaziya amawanga n'agasaasaanya.
24 Abakulembeze baamawanga abaggyako okukola ebisaanidde;
n'abasindika nga bagwirana mu ddungu eritaliimu kkubo.
25 Bawammantira mu kizikiza awatali kitangaala;
abaleetera okutagala ng'abatamiivu."

# 13

1 "Laba, eriiso lyange lyalaba ebyo byonna,
n'okutu kwange ne kuwulira ne mbitegeera.
2 Kye mumanyi nange kye mmanyi;
siri wa wansi ku mmwe.
3 Naye neegomba okwogera n'oyo Ayinzabyonna,
era n'okuleeta ensonga zange mu maaso ga Katonda.
4 Naye mmwe mumpayiriza;
muli basawo abatagasa mmwe mwenna!
5 Kale singa musirika!
Olwo lwe mwandibadde n'amagezi.

---
* **12:18** Obukete bwe bugoye bwokka abaddu abawambe bwe bakkirizibwanga okwambala.

6 Muwulire kaakano endowooza yange,
muwulirize okwegayirira kw'emimwa gyange.
7 Katonda munaamwogerera nga mwogera ebitali bya butuukirivu?
Munaamwogerera eby'obulimba?
8 Munaamulaga ng'ataliiko luuyi,
munaamuwoleza ensonga ze.
9 Singa akukebera, anaakusanga oli bulungi?
Oyinza okumulimba nga bw'oyinza okulimba abantu?
10 Tayinza butakunenya,
singa osaliriza mu bubba.
11 Ekitiibwa kye ekisukiridde tekyandikutiisizza?
Entiisa ye teyandikuguddeko?
12 Ebigambo byammwe ebijjukirwa ngero za vvu,
n'okwewolereza kwammwe kwa bbumba.
13 Musirike nze njogere;
kyonna ekinantukako kale kintuukeko.
14 Lwaki neeteeka mu mitawaana,
obulamu bwange ne mbutwalira mu mikono gyange?
15 Ne bw'anzita, mu ye mwe nnina essuubi,
ddala ddala nditwala ensonga zange mu maaso ge.
16 Ddala kino kinaavaamu okusumululwa kwange,
kubanga teri muntu atatya Katonda ayinza kwetantala kujja mu maaso ge!
17 Muwulirize ebigambo byange n'obwegendereza;
amatu gammwe gawulire bye ŋŋamba.
18 Kaakano nga bwe ntegese empoza yange,
mmanyi nti nzija kwejeerera.
19 Waliwo ayinza okuleeta emisango gye nvunaanibwa?
Bwe kiba bwe kityo, nzija kusirika nfe.
20 Ebintu ebyo ebibiri byokka by'oba ompa, Ayi Katonda,
awo sijja kukwekweka.
21 Nzigyako omukono gwo,
olekere awo okuntiisatiisa n'okunkangakanga.
22 Kale nno ompite nzija kukuddamu,
oba leka njogere ggwe onziremu.
23 Nsobi meka era bibi bimeka bye nkoze?
Ndaga ekibi kyange era n'omusango gwange.
24 Lwaki okweka amaaso go,
n'onfuula omulabe wo?
25 Onoobonyaabonya ekikoola ekifuuyiddwa omuyaga?
Onooyigga ebisasiro ebikaze?
26 Kubanga ompadiikako ebintu ebiruma,
n'ondeetera okuddamu okwetikka ebibi byange eby'omu buvubuka.
27 Oteeka ebigere byange mu nvuba,
era okuuma butiribiri amakubo gange mwe mpita
ng'oteeka obubonero ku bisinziiro by'ebigere byange.
28 Bw'atyo omuntu bw'aggwaawo ng'ekintu ekivundu,
ng'olugoye oluliiriddwa ennyenje."

# 14

1 "Omuntu azaalibwa omukazi,

abeera ku nsi akaseera katono era abeera mu kutegana.
2 Amulisa ng’ekimuli n’awotoka;
abulawo mangu ng’ekisiikirize, tabeerera.
3 Otunuulira omuntu afaanana bw’atyo?
Olimuleeta gy’oli asalirwe omusango?
4 Ani ayinza okuggya ekirongoofu mu kitali kirongoofu?
Tewali n’omu!
5 Ennaku z’omuntu zaagererwa,
wagera obungi bw’emyezi gye
era n’oteekawo ekkomo ly’atasobola kusukka.
6 Kale tomufaako muleke yekka,
okutuusa lw’alimala okutuukiriza emirimu gye ng’omupakasi.

7 “Wakiri waliwo essuubi ng’omuti guloka:
Bwe gutemebwa, guloka nate,
era ekikolo kyagwo ekiggya tekifa.
8 Emirandira gyagwo gyandikaddiyidde mu ttaka
era n’ekikonge ne kifiira mu ttaka,
9 naye olw’emirandira okutambula ne ginoonya amazzi kimulisa
ne kireeta amatabi ng’ekisimbe.
10 Naye omuntu afa era n’agalamizibwa,
assa ogw’enkomerero n’akoma.
11 Ng’amazzi bwe gaggwa mu nnyanja
oba omugga bwe gukalira ne guggwaawo,
12 bw’atyo omuntu bw’agalamira,
era n’atasituka okutuusa eggulu bwe linaggwaawo,
abantu tebajja kuzuukuka oba kuggyibwa mu tulo twabwe.

13 “Singa kale onkweka emagombe
era n’onziika okutuusa obusungu bwo lwe buliggwaawo!
Singa ongerera ekiseera
n’onzijukira!
14 Omuntu bw’afa, addamu n’abeera omulamu?
Ennaku zange zonna ez’okuweereza
nnaalindanga okuwona kwange kujje.
15 Olimpita nange ndikuyitaba;
olyegomba ekitonde emikono gyo kye gyatonda.
16 Ddala ku olwo bw’olibala ebigere byange,
naye tolyekaliriza bibi byange.
17 Ebisobyo byange biriba bisibiddwa mu kisawo;
olibikka ku kibi kyange.

18 “Naye ng’olusozi bwe luseebengerera ne luggwaawo,
era ng’ejjinja bwe liva mu kifo kyalyo,
19 ng’amazzi bwe gaggwereeza amayinja
era ng’okwanjaala kwago bwe kutwala ettaka ly’oku nsi;
bw’atyo bw’azikiriza essuubi ly’omuntu.
20 Omumalamu amaanyi omuwangula lumu n’aggweerawo ddala;
okyusa enfaanana ye n’omugoba.
21 Abaana be bwe bafuna ekitiibwa, takimanya,
bwe bagwa, takiraba.

22 Obulamu bw'omubiri gwe bwokka bw'awulira
ne yeekungubagira yekka."

# 15

*Erifaazi Ayogera*

1 Awo Erifaazi Omutemani n'addamu n'ayogera nti,
2 "Omuntu ow'amagezi yandizzeemu n'amagezi agataliimu,
oba n'ajjuza olubuto lwe embuyaga ez'ebuvanjuba?
3 Yandiwakanye n'ebigambo ebitaliiko kye bigasa,
oba okwogera ebigambo ebitalina kye bikola?
4 Naye onyooma Katonda
n'oziyiza okwewaayo eri Katonda.
5 Kubanga obutali butuukirivu bwo bwe buyigiriza akamwa ko,
era olonzeewo okukozesa olulimi lw'abalimba.
6 Akamwa ko kennyini ke kakusalira omusango si nze,
emimwa gyo gyennyini gye gikulumiriza.

7 "Gwe wasooka abantu bonna okuzaalibwa?
Oba ggwe wazaalibwa ensozi nga tezinnabaawo?
8 Ofaayo okuwuliriza okuteesa kwa Katonda?
Olowooza gwe mugezi wekka?
9 Kiki ky'omanyi kye tutamanyi?
Kubikkulirwa ki kw'olina ffe kwe tutalina?
10 Ab'envi abakaddiye bali ku ludda lwaffe,
abasajja abakulu n'okusinga kitaawo.
11 Katonda by'akugambye ebikuzzaamu amaanyi bitono nnyo tebikumala,
ebigambo ebikubuuliddwa mu bukkakkamu?
12 Lwaki omutima gwo gukubuzizza,
amaaso go ne gatemereza
13 n'olyoka ofuka obusungu bwo eri Katonda,
n'ofukumula ebigambo bwe bityo okuva mu kamwa ko?

14 "Omuntu ye ani, alyoke abeere omutukuvu,
oba oyo azaalibwa omukazi nti ayinza okuba omutuukirivu?
15 Katonda bw'aba tassa bwesige mu batukuvu be,
n'eggulu ne liba nga si ttukuvu mu maaso ge,
16 oba oleeta otya omuntu obuntu, omugwagwa era omuvundu,
anywa obutali butuukirivu nga amazzi!

17 "Mpuliriza nnaakunnyonnyola,
leka nkubuulire kye ndabye:
18 abasajja ab'amagezi kye bagambye
nga tebalina kye bakwese ku kye baafuna okuva eri bakadde baabwe
19 abo bokka abaweebwa ensi
nga tewali mugwira agiyitamu.
20 Omuntu omukozi w'ebibi, aba mu kubonaabona ennaku ze zonna,
n'anyigirizibwa emyaka gyonna egyamutegekerwa.
21 Amaloboozi agatiisa gajjuza amatu ge;
byonna bwe biba ng'ebiteredde, abanyazi ne bamulumba.
22 Atya okuva mu kizikiza adde,
ekitala kiba kimulinze okumusala.

23 Adda eno n’eri ng’anoonya ky’anaalya,
amanyi ng’olunaku olw’ekizikiza lumutuukiridde.
24 Okweraliikirira n’obubalagaze bimubuutikira,
bimujjula nga kabaka eyetegekedde olutalo.
25 Kubanga anyeenyerezza Katonda ekikonde,
ne yeegereegeranya ku oyo Ayinzabyonna,
26 n’agenda n’ekyejo amulumbe,
n’engabo ennene enzito.

27 “Wadde nga yenna yagejja amaaso
ng’ajjudde amasavu mu mbiriizi,
28 wakubeera mu bibuga eby’amatongo,
ne mu bifulukwa,
ennyumba ezigwa okufuuka ebifunfugu.
29 Taddeyo kugaggawala,
n’obugagga bwe tebulirwawo,
n’ebintu by’alina tebirifuna mirandira mu ttaka.
30 Taliwona kizikiza,
olulimi lw’omuliro lunaakazanga amatabi ge,
era omukka gw’omu kamwa gulimugobera wala.
31 Alemenga okwerimba nga yeesiga ebitaliimu,
kubanga talina ky’ajja kuganyulwa.
32 Wa kusasulwa byonna ng’obudde tebunnatuuka,
n’amatabi ge tegalikula.
33 Aliba ng’omuzabbibu ogugiddwako emizabbibu egitannaba kwengera,
ng’omuzeyituuni ogukunkumula ebikoola byagwo.
34 Kubanga ekibiina ky’abatatya Katonda kinaabeeranga kigumba,
era omuliro gunaayokyanga weema ezinaabangamu enguzi.
35 Baba embuto ez’ekibi ne bazaala obutali butuukirivu,
embuto zaabwe zizaala obulimba.”

# 16

*Yobu Ayanukula*

1 Yobu n’addamu nti,
2 “Mpulidde ebintu bingi ebiri nga bino;
mwenna muli mikwano gyange egitagasa.
3 Ebigambo byammwe bingi, tebiikome?
Kiki ekibaluma ne mutalekeraawo kuwakana?
4 Nange nandyogedde nga mmwe, singa mmwe mubadde mu kifo kyange;
nandyogedde ebigambo ebisengeke obulungi ebibanyiga, ne mbanyeenyeza n’omutwe* gwange.
5 Naye akamwa kange kandibazizzaamu amaanyi;
ebigambo eby’essuubi okuva mu kamwa kange byandibaleetedde eddembe.

6 “Ate bwe njogera, obulumi bwange tebuwona,
bwe nsirika era busigalawo.
7 Mazima ddala, Ayi Katonda, ommazeemu amaanyi;
osaanyiririzzaawo ddala ennyumba yange yonna.

* **16:4** Okunyeenyeza omuntu omutwe kyalaganga nga bw’onyoomye omuntu oyo. Kyali kivumo

8 Onsibye n'onyweza ekinnumiririza ddala,
obukovvu bwange bwe bukulaga bwe ndi, kirabika ne ku maaso.
9 Katonda annumba n'obusungu bwe n'anjuzaayuza,
annumira emba;
omulabe wange antunuulira nkaliriza n'amaaso ge agafumita.
10 Abantu bayasamya emimwa gyabwe ne bansekerera;
bankuŋŋaanirako ne bankuba empi ku matama.
11 Katonda ampaddeyo eri omukozi w'ebibi,
era n'ansuula mu mikono gy'ababi.
12 Nnali bulungi, n'anjuzaamu wakati;
yankwata ku nsingo n'ammenyamu.
Anfudde ssabbaawa,
13 abakubi b'obusaale banneetoolodde.
Awatali kusaasira, afumita ensigo zange,
omususa gwange ne guyiika ku ttaka.
14 Annumba, emirundi n'emirundi,
n'anfubutukirako ng'omulwanyi omuzira.

15 "Neetungidde ebikutiya eby'okukungubagiramu,
ne nkweka obwenyi bwange mu nfuufu.
16 Nzenna mmyuse amaaso olw'okukaaba,
ekisiikirize ekikwafu ennyo kyetoolodde amaaso gange,
17 newaakubadde ng'emikono gyange tegirina bibi bye gikoze,
n'okusaba kwange nga kutukuvu.

18 "Ggwe ensi, tobikka ku musaayi gwange;
nneme okusirisibwa!
19 Era kaakano omujulirwa wange ali mu ggulu;
omuwolereza wange ali waggulu nnyo ddala.
20 Mikwano gyange bansekerera,
amaaso gange nga gakulukusa amaziga eri Katonda.
21 Ku lw'omuntu, yeegayirira eri Katonda
ng'omuntu bwe yeegayiririra mukwano gwe.

22 "Emyaka mitono eginaayitawo
nga sinnakwata lugendo olw'obutadda."

# 17

1 Omutima gwange gwennyise,
ennaku zange zisalibbwaako,
entaana enninze.
2 Ddala abansekerera bannetoolodde;
amaaso gange gabeekengera.

3 "Ompe, Ayi Katonda akakalu k'onsaba.
Ani omulala ayinza okunneeyimirira?
4 Ozibye emitima gyabwe obutategeera;
noolwekyo toobakkirize kuwangula.
5 Omusajja avumirira mikwano gye olw'empeera
alireetera amaaso g'abaana be okuziba.

6 "Katonda anfudde ekisekererwa eri buli omu,

anfudde buli omu gw'afujjira amalusu mu maaso.
7 Amaaso gange gayimbadde olw'okunakuwala;
omubiri gwange gwonna kaakano guli nga kisiikirize.
8 Abantu ab'amazima beesisiwala olwa kino;
atalina musango agolokokedde ku oyo atatya Katonda.
9 Naye era abatuukirivu banaakwatanga amakubo gaabwe,
n'abo ab'emikono emirongoofu baneeyongeranga amaanyi.

10 "Naye mukomeewo mwenna kaakano, mujje,
naye siraba muntu mugezi mu mmwe!
11 Ennaku zange ziyise entegeka zange zoonoonese,
era bwe kityo n'okwegomba kw'omutima gwange.
12 Abantu bano ekiro bakifuula emisana;
mu kizikiza mwennyini mwe bagambira nti, Ekitangaala kinaatera okujja.
13 Amagombe bwe gaba nga ge maka mwe nnina essuubi,
bwe njala obuliri bwange mu kizikiza,
14 ne ŋŋamba amagombe nti, 'Ggwe kitange,'
era n'eri envunyu nti, 'Ggwe mmange,' oba nti, 'Ggwe mwannyinaze,'
15 kale essuubi lyange liba ludda wa?
Ani ayinza okuliraba?
16 Nalyo lirigenda eri enzigi z'emagombe
Oba tuligenda ffenna mu nfuufu?"

# 18

### *Birudaadi Ayanukula*

1 Awo Birudaadi Omusukusi n'ayanukula n'agamba nti,
2 "Mulikomya ddi okufuulafuula ebigambo?
Muddeemu amagezi, tulyoke twogere.
3 Lwaki tutwalibwa ng'ente
era ne tulowoozebwa okuba abasirusiru mu maaso gammwe?
4 Ggwe eyeyuzayuza olw'obusungu,
abantu ensi bagiveeko ku lulwo, oba enjazi zive mu bifo byazo?

5 "Ddala etabaaza y'omukozi w'ebibi ezikidde,
era n'omuliro gw'ekyoto kye tegukyayaka.
6 Ekitangaala kivudde mu weema ye;
n'ettaala eri ku mabbali ge nayo ezikidde.
7 Amaanyi gamuwedde, ebigere bye tebikyali bya maanyi,
era enkwe ze, ze zimusuula.
8 Eky'amazima ebigere bye byamusuula mu kitimba
era n'atangatanga mu butimba.
9 Omutego gumukwata ekisinziiro;
akamasu ne kamunyweeza.
10 Omuguwa gumukwekerwa mu ttaka;
akatego kamulindirira mu kkubo lye.
11 Entiisa emukanga enjuuyi zonna
era n'emugoba kigere ku kigere.
12 Emitawaana gimwesunga;
ekikangabwa kirindiridde okugwa kwe.

13 Kirya ebitundu by'olususu lwe;
omubereberye wa walumbe amulyako emikono n'ebigere.
14 Aggyibwa mu bukuumi bwa weema ye
era n'atwalibwa eri kabaka w'ebikangabwa.
15 Omuliro gumalirawo ddala byonna eby'omu weema ye;
ekibiriiti kyakira mu kifo mw'abeera.
16 Emirandira gye gikala wansi,
n'amatabi ge gakala waggulu.
17 Ekijjukizo kye kibula ku nsi;
talina linnya mu nsi.
18 Agobebwa okuva mu kitangaala, agenda mu kizikiza
n'aggyibwa mu nsi.
19 Talina mwana wadde omuzzukulu mu bantu be,
newaakubadde ekifo mwabeera.
20 Abantu ab'ebugwanjuba beewuunya ebyamutuukako;
n'ab'ebuvanjuba ne bakwatibwa ekikangabwa.
21 Ddala bw'etyo bw'ebeera ennyumba y'omukozi w'ebibi;
bwe gaba bwe gatyo amaka g'oyo atamanyi Katonda."

# 19

*Yobu Amuddamu*

1 Awo Yobu n'addamu nti:
2 "Mulikomya ddi okunnyigiriza
ne mummenya n'ebigambo?
3 Emirundi kkumi nga munvuma;
temukwatiddwa nsonyi kunnumba.
4 Bwe kiba nga kituufu nti nawaba,
obukyamu bwange, bwange nzekka.
5 Bwe muba munneegulumiririzaako
ne mukozesa obulumi bwange okunfeebya,
6 mumanye nga Katonda ankoze bubi
era anzingizza mu kitimba kye.

7 "Wadde nga nkaaba nti, 'Mpisiddwa bubi,' siddibwamu;
ne bwe nkuba enduulu, tewali antaasa.
8 Azibye ekkubo lyange sisobola kuyita;
amakubo gange agalese mu kizikiza.
9 Anziggyeeko ekitiibwa kyange
n'anziggyako n'engule ku mutwe gwange.
10 Anjuzaayuza ku buli ludda okutuusa lwe watasigalawo kantu,
asigula essuubi lyange ng'omuti.
11 Obusungu bwe bumbubuukirako;
ambala ng'omu ku balabe be.
12 Amaggye ge galumba n'amaanyi;
ganzimbako enkomera
ne gagumba okwetooloola weema yange.

13 "Anziggyeeko baganda bange;
abo bwe twali tumanyiganye banviiriddeko ddala.
14 Ab'ekika kyange banviiriddeko ddala,
mikwano gyange ginneerabidde.

15 Abagenyi bange n'abaweereza bange abawala, bampisa nga gwe batamanyi,
ne bandaba nga munnagwanga.
16 Mpita omuddu wange naye tawulira,
wadde nga mwegayirira n'akamwa kange.
17 Omukka gwange gwe nzisa, guwunyira bubi mukyala wange;
nakyayibwa baganda bange bennyini.
18 N'obulenzi obuto bunsekerera;
buli lwe bundaba bunvuma.
19 Mikwano gyange gyonna enfirabulago gya nkyawa;
abo be nnayagalanga banneefuukira.
20 Siriiko bwe ndi wabula ndi ddiba na magumba:
nsigazzaawo bibuno byokka.

21 "Munkwatirwe ekisa mikwano gyange, munkwatirwe ekisa,
kubanga omukono gwa Katonda gunkubye.
22 Lwaki munjigga nga Katonda bw'anjigga?
Omubiri gwe mufunye tegumala?

23 "Singa nno ebigambo byange byawandiikibwa,
Singa byawandiikibwa ku muzingo, bandiguwadde ani?
24 Singa byawandiikibwa n'ekyuma ku lubaati,
oba okuwandiikibwa ku lwazi ne bibeerawo emirembe n'emirembe!
25 Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu,
era nga ku nkomerero aliyimirira ku nsi.
26 Era ng'olususu lwange bwe luweddewo,
kyokka mu mubiri gwange ndiraba Katonda;
27 nze mwene ndimulaba,
n'amaaso gange, Nze, so si mulala.
Emmeeme yange ng'eyaayaana munda mu nze!

28 "Bwe mugamba nti, 'Tujja kumuyigganya,
kubanga ensibuko y'emitawaana eri mu ye;'
29 nammwe bennyini musaana mutye ekitala.
Kubanga obusungu buleeta okubonereza okw'ekitala,
olwo mulyoke mumanye ng'eriyo okusalirwa omusango."

# 20

*Zofali Addamu*

1 Awo Zofali Omunaamasi n'amuddamu nti,
2 "Ebirowoozo byange ebiteganyiziddwa binkubiriza okukuddamu
kubanga nteganyizibbwa nnyo.
3 Mpulidde nga nswadde olw'okunenya,
okutegeera kwange kunkubiriza okuddamu.

4 "Ddala omanyi nga bwe byali okuva edda,
okuva omuntu lwe yateekebwa ku nsi,
5 nti Enseko z'omwonoonyi ziba z'akaseera katono,
era n'essanyu ly'abatamanyi Katonda terirwawo.
6 Newaakubadde ng'amalala ge gatuuka ku ggulu
n'omutwe gwe ne gutuuka ku bire,

7 alizikirira emirembe n’emirembe nga empitambi ye:
abo abamulaba babuuze nti, ‘Ali ludda wa?’
8 Abulawo ng’ekirooto, n’ataddayo kulabika;
abuzeewo ng’okwolesebwa kw’ekiro.
9 Eriiso eryamulaba teririddayo kumulaba,
taliddayo kulaba kifo kye nate.
10 Abaana be basaana bakolagane n’abaavu,
emikono gye gyennyini gye gisaana okuwaayo obugagga bwe.
11 Amaanyi ag’ekivubuka agajjudde amagumba ge,
ge ganaagalamiranga naye mu nfuufu.

12 “Okukola ebibi kuwoomerera mu kamwa ke
era akukweka wansi w’olulimi lwe,
13 tayagala kukuleka,
wadde okukuta era akukuumira mu kamwa ke.
14 Naye emmere ye erimwonoonekera mu byenda,
era erifuuka butwa bwa nsweera munda ye.
15 Aliwandula eby’obugagga bye yamira;
Katonda alireetera olubuto lwe okubisesema.
16 Alinywa obutwa bw’ensweera;
amannyo g’essalambwa galimutta.
17 Alisubwa obugga,
n’emigga egikulukuta n’omubisi gw’enjuki n’amata.
18 Bye yateganira alina okubiwaayo nga tabiridde;
talinyumirwa magoba ga kusuubula kwe,
19 kubanga yanyigiriza abaavu n’abaleka nga bakaaba,
yawamba amayumba g’ataazimba.

20 “Ddala ddala talifuna kikkusa mululu gwe,
wadde okuwonya n’ebyo bye yeeterekera.
21 Tewali kimulekeddwawo ky’anaalya;
obugagga bwe tebujja kusigalawo.
22 Wakati mu kufuna ebingi okulaba ennaku kumujjira;
alibonaabonera ddala nnyo.
23 Ng’amaze okujjuza olubuto lwe,
Katonda alyoke amusumulurire obusungu bwe amukube ebikonde ebitagambika.
24 Bw’alidduka ekyokulwanyisa eky’ekyuma,
akasaale ak’ekikomo kalimufumita.
25 Akasaale kaliviirayo mu mugongo gwe,
omumwa gwako ogumasamasa gusikibwe mu kibumba.
Entiisa erimujjira.
26 Ekizikiza ekikutte kye kirindiridde obugagga bwe.
Omuliro ogutazikira gwe gulimumalawo,
gwokye ebisigadde mu weema ye.
27 Eggulu liryolesa obutali butuukirivu bwe;
ensi erimusitukirako n’emujeemera.
28 Ebintu by’ennyumba biritwalibwa,
biribulira ku lunaku lw’obusungu bwa Katonda.
29 Eyo y’engeri Katonda gy’asasulamu abakozi b’ebibi,
nga gwe mugabo Katonda gwe yabategekera.”

# 21

*Yobu Ayanukula*

1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti,
2 "Muwulirize n'obwegendereza ebigambo byange,
era kino kibazzeemu amaanyi.
3 Mungumiikirizeeko nga njogera,
oluvannyuma museke.

4 "Okwemulugunya kwange nkw'olekezza muntu?
Lwaki okugumiikiriza tekunzigwako?
5 Muntunuulire mwewuunye,
mujja kukwata ne ku mumwa.
6 Bwe ndowooza ku kino, nfuna entiisa;
omubiri gwange ne gukankana.
7 Lwaki abakozi b'ebibi bawangaala,
ne bakaddiwa ne beeyongera n'amaanyi?
8 Balaba abaana baabwe bwe banywezebbwa,
ezzadde lyabwe nga balaba.
9 Amaka gaabwe gaba n'emirembe nga temuli kutya;
omuggo gwa Katonda tegubabeerako.
10 Ennume zaabwe teziremererwa,
ente zaabwe enkazi zizaala awatali kusowola mwana gwazo.
11 Abaana baabwe bagendera wamu nga kisibo;
obuto ne bubeera mu kuzina.
12 Bayimbira ku bitaasa n'ennanga,
ne basanyukira eddoboozi ly'omulere.
13 Emyaka gyabwe gyonna babeera bulungi,
mangwago ne bakka mu ntaana.
14 Kyokka bagamba Katonda nti, 'Tulekere emirembe gyaffe!
Tetwegomba kumanya makubo go.
15 Ayinzabyonna ye ani tulyoke tumuweereze?
Kiki kye tuganyulwa bwe tumusaba?'
16 Naye obugagga bwabwe tebuli mu mikono gyabwe,
noolwekyo amagezi g'abakozi b'ebibi ganneewunyisa.

17 "Ettaala y'abakozi b'ebibi yo, ezikira emirundi emeka?
Ennaku ebajjira emirundi emeka?
Katonda abatuusaako obulumi, ng'abasunguwalidde.
18 Bali ng'ebisasiro ebitwaalibwa empewo;
ng'ebisusunku embuyaga bye zitwala.
19 Katonda abonereza abaana olw'ekibi kya bakitaabwe.
Asasule omuntu yennyini oyo alyoke ategeere!
20 Leka amaaso ge ye yennyini galabe okuzikirira;
leka anywe ku kiruyi kya Ayinzabyonna.
21 Kubanga aba afaayo ki ku maka g'aba alese,
nga emyezi gye egyamutegekerwa giweddeko?

22 "Eriyo ayinza okuyigiriza Katonda amagezi,
kubanga asalira omusango n'abo abasinga okuba aba waggulu?
23 Omusajja omu afiira w'abeerera ow'amaanyi,
nga munywevu ddala ali mu mirembe gye,

24 omubiri gwe nga guliisiddwa bulungi,
amagumba ge nga gajjudde obusomyo.
25 Omusajja omulala n'afa ng'alina obulumi ku mutima,
nga teyafuna kintu kyonna kirungi.
26 Ne beebaka kye kimu mu ttaka,
envunyu ne zibabikka bombi.

27 "Mmanyi bulungi ddala kye mulowooza,
enkwe ze mwagala okunsalira.
28 Mugamba nti, 'Kaakano eruwa ennyumba y'omusajja ow'amaanyi,
eweema abasajja abakozi b'ebibi mwe baabeeranga?'
29 Temwebuuzanga ku abo abatambula eŋŋendo?
Temukkiriza bye babagamba,
30 nti omusajja omukozi w'ebibi awona ku lunaku olw'emitawaana,
era awona ku lunaku olw'ekiruyi?
31 Ani avumirira ebikolwa bye maaso ku maaso,
ani amusasula ebyo by'akoze?
32 Atwalibwa ku ntaana,
era amalaalo ge gakuumibwa.
33 Ettaka eriri mu lusenyi limuwoomera,
abantu bonna bamugoberera,
n'abalala abatamanyiddwa muwendo ne bamukulembera.

34 "Kaakano musobola mutya okuŋŋumya n'ebitaliimu?
Tewali kisigaddeyo ku bye mwanzizeemu wabula obulimba!"

# 22

*Erifaazi Addamu*

1 Awo Erifaazi Omutemani n'addamu n'ayogera nti,
2 "Omuntu ayinza okugasa Katonda?
Wadde oyo ow'amagezi ayinza okumuyamba?
3 Ayinzabyonna yandifunye kwesiima ki singa wali mutuukirivu?
Yandiganyuddwa ki singa amakubo go gaali magolokofu?

4 "Akukangavvula lwa kumutya
era kyava akuvunaana?
5 Okwonoona kwo si kunene nnyo?
Ebibi byo si bingi nnyo?
6 Kubanga waggya ku muganda wo emisingo awatali nsonga;
waggya engoye ku bantu, n'obaleka bwereere.
7 Tewawa bakoowu mazzi,
abaagala wabamma emmere,
8 wadde nga wali musajja wa maanyi, eyalina ettaka,
omusajja ow'ekitiibwa, era nga byonna ggwe nnyini byo.
9 Weegobako bannamwandu bagende nga toliiko ky'obawadde;
abatalina bakitaabwe n'obamalamu amaanyi.
10 Emitego kyegivudde gikwetooloola.
Lwaki entiisa ey'amangu ekujjira?
11 Lwaki enzikiza ekutte nnyo tosobola kulaba,
era lwaki amataba gakubikkako?

12 “Katonda tali waggulu mu ggulu?
Era laba, emmunyeenye ezisingayo okuba waggulu, nga bwe ziri ewala!
13 Ate n’ogamba nti, ‘Katonda amanyi ki?
Ayinza okulamulira mu kizikiza?
14 Ebire ebikutte bimubikkako, n’aba ng’atatulaba
bw’aba atambula mu bifo by’omu ggulu.’
15 Onoosigala mu kkubo ery’edda
abasajja abakozi b’ebibi lye baakwata?
16 Baatwalibwa ng’ekiseera kyabwe tekinnatuuka,
emisingi gyabwe gyatwalibwa amataba.
17 Be bagamba Katonda nti, ‘Tulekere emirembe!
Ayinzabyonna ayinza kutukola ki?’
18 Ate nga ye, ye yajjuza ennyumba zaabwe ebintu ebirungi,
noolwekyo neewuunya nnyo amagezi g’abakozi b’ebibi.
19 Abatuukirivu balaba okuzikirira kwabwe ne bajaguza;
abataliiko musango babasekerera nga bagamba nti,
20 ‘Ddala abalabe baffe bazikiridde,
era omuliro gulidde obugagga bwabwe.’

21 “Gonderanga Katonda ofunenga emirembe;
mu ngeri eno ebirungi lwe binajjanga gy’oli.
22 Kkiriza ebiragiro ebiva mu kamwa ke
era oteeke ebigambo bye mu mutima gwo.
23 Bw’onodda eri oyo Ayinzabyonna, onodda buggya,
bwonooteeka ebibi ewala ne weema yo,
24 n’oteeka n’amayinja go ag’omuwendo mu ttaka,
zaabu yo eya Ofiri ku njazi z’omu mugga,
25 awo Ayinzabyonna anaabeeranga zaabu yo,
era ffeeza esingayo obulungi.
26 Ddala ddala olisanyukira mu oyo Ayinzabyonna
era oyimuse amaaso go eri Katonda.
27 Olimusaba, alikuwulira,
era olituukiriza obweyamo bwo.
28 Ky’olisalawo kirikolebwa,
era ekitangaala kirimulisa amakubo go.
29 Abantu abalala bwe balisuulibwa n’ogamba nti, ‘Bayimuse!’
Olwo alirokola abagudde.
30 Alinunula n’oyo aliko omusango,
alinunulwa olw’obulongoofu bw’emikono gyo.”

# 23

*Yobu Ayanukula*

1 Awo Yobu n’addamu nti,
2 “N’okutuusa leero okwemulugunya kwange kubalagala,
omukono gwe gunzitoowerera wadde mbadde mu kusinda.
3 Singa nnali mmanyi aw’okumusanga
nandisobodde okulaga gy’abeera!
4 Nanditutte empoza yange gy’ali,
akamwa kange nga nkajjuzizza ensonga zange.

5 Nanditegedde kye yandinzizeemu,
ne neetegereza kye yandiŋŋambye.
6 Yandimpakanyizza n'amaanyi mangi?
Nedda, teyandinteeseko musango.
7 Eyo omuntu omutuukirivu asobola okutwalayo ensonga ye,
era nandisumuluddwa omulamuzi wange emirembe n'emirembe.

8 "Bwe ŋŋenda ebuvanjuba, nga taliiyo;
ne bwe ŋŋenda ebugwanjuba, simusangayo.
9 Bw'aba akola mu bukiikakkono simulaba,
bw'adda mu bukiikaddyo, simulabako.
10 Naye amanyi amakubo mwe mpita,
bw'anaamala okungezesa, nzija kuvaamu nga zaabu.
11 Ebigere byange bimugoberedde;
ntambulidde mu makubo ge nga sikyamakyama.
12 Saava ku biragiro by'akamwa ke.
Nayagala ebigambo by'akamwa ke okusinga emmere yange gyendya bulijjo.

13 "Naye yeemalirira, ani ayinza okumuwakanya?
Akola kyonna ekimusanyusa.
14 Weewaawo ajja kutuukiriza by'asazzeewo okunjolekeza,
era bingi byategese by'akyaleeta.
15 Kyenva mba n'entiisa nga ndi mu maaso ge;
bwe ndowooza ku bino byonna, ne mmutya.
16 Katonda anafuyizza nnyo omutima gwange,
Ayinzabyonna antiisizza nnyo.
17 Naye ekizikiza tekinsirisizza,
ekizikiza ekikutte ennyo ekibisse amaaso gange."

## 24

1 "Lwaki Ayinzabyonna tagera biseera?
Lwaki abo abamumanyi tebalaba nnaku zaageze?
2 Abantu bajjulula amayinja agalamba ensalo,
ne balunda ebisolo bye babbye.
3 Batwala endogoyi ya mulekwa
ne batwala ennume ya nnamwandu ng'omusingo.
4 Basindiikiriza omunaku ne bamuggya mu kkubo,
ne bawaliriza abaavu bonna mu ggwanga okwekweka.
5 Endogoyi ez'omu ddungu nga bwe zeeyisa,
n'abaavu bagenda bategana nnyo nga balondalonda obumere;
mu ddungu mwe balonderera emmere y'abaana baabwe.
6 Essubi eririibwa ensolo zaabwe baliggya ku ttale lye,
ne banoga n'emizabbibu gy'aboonoonyi.
7 Olw'okubulwa engoye, basula bwereere;
tebalina kye beebikka mu mpewo.
8 Enkuba y'oku nsozi ebatobya,
ne banywegera enjazi olw'okubulwa we beggama.
9 Omwana atalina kitaawe bamusika ku mabeere;
omwana omuwere ow'omwavu bamuwamba olw'ebbanja.
10 Olw'okubulwa engoye bayita bwereere;

betikka ebinywa by'emmere naye basigala tebalidde.
11 Basogolera emizabbibu ku mayinja,
ne basambira mu ssogolero, naye ne basigala nga balumwa ennyonta.
12 Okusinda kw'abantu kuwulirwa mu kibuga,
n'emmeeme z'abafunye ebisago zikaabira obuyambi.
Naye Katonda talina gw'asinzisa musango.

13 "Waliwo abo abajeemera omusana,
abatamanyi makubo ge,
abatasigala mu kwaka kwagwo.
14 Omutemu agolokoka nga obudde buzibye
n'atta omwavu n'ali mu kwetaaga;
ekiro abbira ddala.
15 Eriiso ly'omwenzi lirinda buzibe,
ng'agamba nti, 'Tewali liiso linandaba,'
n'abikka ne ku maaso ge.
16 Mu kizikiza mwe basimira amayumba,
kyokka emisana baba beggalidde.
Tebaagala kitangaala.
17 Eri abo bonna ekizikiza ekikutte bwe budde bwabwe obw'oku makya.
Kubanga bakola omukwano n'ebitiisa eby'omu nzikiza.
18 Bali ng'ebyovu ebiri kungulu ku mazzi,
era omugabo gwabwe mukolimire mu nsi.
Tewali musogozi n'omu alaga mu nnimiro zaabwe ez'emizabbibu.
19 Nga ekyeeya n'ebbugumu bwe bimalawo amazzi agava mu muzira,
aboonoonyi bwe batyo bwe bamalibwawo emagombe.
20 Olubuto lunaamwerabiranga;
envunyu eneemulyanga n'ewoomerwa.
Tajjukirwenga nate,
omukozi w'ebibi amenyeka ng'omuti.
21 Bayiikiriza ne banyaga omugumba atazaala.
Tebakolera nnamwandu bya kisa.
22 Naye Katonda awalula ab'amaanyi olw'obuyinza bwe.
Newaakubadde nga bakulaakulana, kyokka tebalina bukakafu ku bulamu bwabwe.
23 Ayinza okubaleka ne babeera mu mirembe
n'amaaso ge gabeera ku makubo gaabwe.
24 Bayimusibwa akaseera katono, oluvannyuma nga tebakyaliwo.
Bakkakkanyizibwa ne bakala ne baggyibwawo nga abalala bonna.
Basalibwa ng'emitwe gy'ebirimba by'eŋŋaano.

25 "Bwe kiba nga si bwe kiri, ani anannumiriza obulimba,
n'afuula okwogera kwange okutaliimu?"

# 25

*Birudaadi Addamu*

1 Awo Birudaadi Omusuki n'addamu n'ayogera nti,
2 "Okufuga kwa Katonda n'entiisa ya Katonda;
ateekawo enkola entuufu mu bifo ebya waggulu mu ggulu.
3 Amaggye ge gasobola okubalibwa?
Ani atayakirwa musana gwe?

4 Olwo omuntu ayinza atya okwelowooza nti mutuukirivu awali Katonda?
Omuntu eyazaalibwa omukazi ayinza atya okuba omulongoofu?
5 Laba n'omwezi tegulina bye gwaka,
n'emmunyeenye si nnongoofu mu maaso ge.
6 Ate omuntu obuntu oyo envunyu obuvunyu,
omwana w'omuntu, oyo olusiriŋŋanyi, ayinza atya okwelowooza nti mulongoofu!"

# 26

*Yobu Ayanukula*

1 Awo Yobu n'addamu nti,
2 "Ng'oyambye oyo atalina maanyi!
Ng'oyambye omukono ogwo ogutalina maanyi!
3 Ng'amagezi ga kitalo ago g'owadde oyo atalina magezi!
Ng'owadde okuluŋŋamizibwa okuyitirivu!
4 Ani akuyambye okwogera ebigambo ebyo?
Era mwoyo ki ogwogeredde mu kamwa ko?

5 "Abafu kye balimu tekigumiikirizika,
n'abo abali wansi w'amazzi ne bonna abagabeeramu.
6 Amagombe gali bwereere mu maaso ga Katonda;
n'okuzikiriza tekulina kikubisse.
7 Ayanjuluza eggulu ery'obukiikakkono mu bbanga ejjereere,
awanika ensi awatali kigiwanirira.
8 Asiba amazzi mu bire bye;
ate ebire tebyabika olw'okuzitoowererwa.
9 Abikka obwenyi bw'omwezi,
agwanjululizaako ebire bye.
10 Ateekawo ekipimo ekiraga waggulu amazzi g'ennyanja we gayita,
ng'ensalo eyawula ekitangaala n'ekizikiza.
11 Empagi z'eggulu zikankana,
zeewuunya olw'okunenya kwe.
12 Afuukuula ennyanja n'obuyinza bwe,
n'asalaasala Lakabu mu bitundutundu n'amagezi ge.
13 Yafuuwa omukka ogwatereeza eggulu,
omukono gwe gwafumita omusota oguwulukuka.
14 Naye nga bino katundu butundu ku bye yakola.
Nga kye tumuwulirako katundu butundu ku ekyo ky'ali!
Ani ayinza okutegeera okubwatuka kw'obuyinza bwe?"

# 27

1 Yobu n'ayongera okwogera kwe bw'ati nti,
2 "Nga Katonda bw'ali omulamu, agaanye okusala ensonga yange mu mazima,
oyo Ayinzabyonna, aleetedde emmeeme yange okulumwa,
3 gye nkomye okuba nga nkyalina obulamu mu nze,
omukka gwa Katonda nga gukyali mu nnyindo zange,
4 emimwa gyange tegijja kwogera butali butuukirivu,
era olulimi lwange terujja kwogera bulimba.
5 Sirikkiriza nti muli batuufu;
okutuusa lwe ndifa, siryeggyako bugolokofu bwange.

6 Nzija kwongera okunywerera ku butuukirivu bwange obutabuleka;
omutima gwange tegunsalira musango nga nkyali mulamu.

7 “Abalabe bange babeere ng’abakozi b’ebibi,
n’abo abangolokokerako babeere ng’abatali batuukirivu!
8 Kubanga ssuubi ki oyo atalina Katonda ly’aba nalyo ng’asaliddwako,
nga Katonda amuggyeko obulamu?
9 Katonda awulira okukaaba kwe
ng’ennaku emujjidde?
10 Alifuna essanyu mu oyo Ayinzabyonna?
Aliyita Katonda ebbanga lyonna?
11 Nzija kubayigiriza ebikwata ku maanyi ga Katonda;
ebikwata ku oyo Ayinzabyonna sijja kubikweka.
12 Weekalirize bino byonna bye mwerabiddeko,
lwaki kaakano okwogera ebyo ebitalina makulu?

### *Empeera y’Abakozi b’Ebibi*

13 “Eno y’empeera Katonda gy’awa abakozi b’ebibi,
omugabo omuntu omujoozi gw’afuna okuva eri oyo Ayinzabyonna:
14 Abaana be ne bwe baba bangi batya, enkomerero yaabwe kitala;
ezzadde lye teririfuna byakulya bibamala.
15 Abo abaliwona kawumpuli, balifa ne baziikibwa,
ne bannamwandu baabwe tebalibakaabira.
16 Wadde ng’atereka effeeza ng’enfuufu,
n’engoye ng’entuumo y’ebbumba,
17 ebyo bye yeeterekera omutuukirivu y’alibyambala,
era abo abatalina musango be baligabana effeeza ye.
18 Ennyumba gy’azimba eribeera ng’ey’ekiwojjolo;
ng’akasiisira akazimbiddwa omukuumi.
19 Agenda okwebaka nga mugagga, naye ekyo tekiddemu kubaawo,
kubanga alizuukuka nga byonna biweddewo.
20 Entiisa erimuzingako ng’amataba;
kibuyaga amutwala ekiro mu kyama.
21 Embuyaga ey’ebuvanjuba emutwalira ddala n’agenda;
emuggya mu kifo kye n’amaanyi.
22 Emukuba awatali kusaasira,
ng’adduka ave mu maanyi gaayo.
23 Erimukubira engalo zaayo,
n’emusiiya okuva mu kifo kye.”

## 28

1 “Ddala ddala waliwo ebirombe mwe basima effeeza,
n’ekifo gye balongooseza effeeza.
2 Ekyuma kisimibwa mu ttaka,
n’ekikomo ne bakisaanuusa okukiggya mu mayinja.
3 Omuntu agoberera enzikiza n’anoonya eyo mu ttaka wansi,
asime ekyuma mu kizikiza ekiri wansi ennyo.
4 Asima ekinnya ekiri ewala n’abantu gye babeera,
mu bifo eteyita bantu,
ewala okuva abantu gye bayita.
5 Ensi evaamu emmere,

naye wansi waayo yafuusibwa nga muliro.
6 Safira eva mu mayinja gaayo,
era enfuufu yaayo erimu zaabu.
7 Tewali kinyonyi kiyizzi kimanyi kkubo lino,
wadde n'amaaso ga kamunye tegarirabanga.
8 Ekibinja ky'empologoma ento tekituukangayo,
tewali mpologoma yali eyiseeyo.
9 Omuntu ayasa n'omukono gwe ejjinja ery'embaalebaale,
n'avuunika ensozi okuviira ddala we zisibuka.
10 Asima ensalosalo ku njazi;
n'amaaso ge galaba eby'omuwendo byonna.
11 Anoonya wansi mu migga,
n'aggyayo ebintu ebyakwekebwa.

12 "Naye amagezi gasangibwa wa?
Okutegeera kuva wa?
13 Omuntu tayinza kutegeera mugaso gwago;
tegasangibwa mu nsi y'abalamu.
14 Obuziba bwogera nti, 'Tegali mu nze,'
ennyanja eyogera nti, 'Tegali mu nze.'
15 Tegayinza kugulibwa na zaabu asingayo obulungi,
wadde omuwendo gwago okupimibwa mu ffeeza.
16 Tegayinza kugulibwa na zaabu wa Ofiri,
mu mayinja ag'omuwendo aga onuku oba safiro.
17 Zaabu n'endabirwamu tebiyinza kugenkana:
so tegayinza kugeraageranyizibwa n'amayinja ag'omuwendo.
18 Kolali n'amayinja ag'endabirwamu tebyogerwa nako;
omuwendo ogugula amagezi gusinga amayinja amatwakaavu.
19 Topazi eva mu Esiyopya teyinza kugenkana,
tegayinza wadde okugulibwa mu zaabu etetabikiddwamu kantu konna.

20 "Kale amagezi gava ludda wa?
N'okutegeera kubeera ludda wa?
21 Gakwekebwa okuva mu maaso g'ebintu byonna ebiramu,
era gakwekeddwa ebinyonyi by'omu bbanga.
22 Okuzikiriza n'Okufa kwogera nti,
'Nawulirako buwulizi ku lugambo lwakwo mu matu gange.'
23 Katonda ategeera ekkubo erigatuukako
era ye yekka y'amanyi gye gabeera,
24 kubanga alaba enkomerero y'ensi
era alaba ebintu byonna wansi w'eggulu.
25 Bwe yateekawo amaanyi g'empewo,
n'apima n'amazzi,
26 bwe yateekera enkuba etteeka
era n'ekkubo eggulu we linaayitanga nga limyansa,
27 olwo n'atunuulira amagezi n'agalangirira;
n'agateekawo, n'agagezesa.
28 N'agamba omuntu nti,
'Laba, okutya Mukama, ge magezi,
n'okuleka ekibi, kwe kutegeera.' "

# 29

1 Yobu n’ayongera okwogera nti,
2 “Nga nneegomba emyezi egyayita,
ennaku Katonda mwe yali nga y’andabirira,
3 ettaala ye bwe yayakiranga omutwe gwange,
n’ekitangaala kye bwe kyanjakiranga nga ntambulira mu kizikiza.
4 Mu biro we nabeerera ow’amaanyi,
omukwano gwa Katonda omuyitirivu nga gukuuma amaka gange,
5 Ayinzabyonna bwe yali ng’akyali nange
n’abaana bange nga bakyanneetoolodde,
6 n’ekkubo lyange nga lisiigiddwa omuzigo
n’olwazi nga lunfukirira omugga ogw’amafuta.

7 “Bwe nalaganga ku mulyango gw’ekibuga
ne ntuula ku ntebe mu kifo we baakubiranga enkiiko,
8 abavubuka abato bandabanga ne badda ebbali,
abakadde ne basituka ne bayimirira;
9 abakungu ab’oku ntikko ne balekeraawo okwogera,
ne bakwata ne ku mimwa;
10 ab’ebitiibwa ne balekeraawo okwogera,
ennimi zaabwe ne zeesibira waggulu mu kamwa.
11 Buli kutu okwampuliranga nga kwesiima,
era n’abo abandabanga nga basiima
12 kubanga nawonyanga abaavu abaakaabiranga obuyambi,
n’abatalina bakitaabwe abatalina abayamba.
13 Omusajja ng’afa, y’ansabira omukisa,
ne ndeetera omutima gwa nnamwandu okuyimba.
14 Ne nnyambala obutuukirivu ng’engoye zange,
obwenkanya bwe bwali omunagiro gwange era ekitambala kye neesiba ku mutwe.
15 Nnali maaso g’abamuzibe
era ebigere by’abalema.
16 Nnali kitaawe w’abanaku,
ne nneyama okuwolereza besimanyiiko.
17 Namenyanga amannyo g’abakozi b’ebibi,
ne nziggya mu kamwa kaabwe, be baali bakutte.

18 “Nalowooza nti, ‘Ndifiira mu nnyumba yange
nga mpezezza ennaku zange nga nnyingi ng’omusenyu ogw’oku nnyanja.
19 Omulandira gwange gulituuka mu mazzi,
era n’omusulo gulibeera ku ttabi lyange okukeesa obudde.
20 Ekitiibwa kyange tekirikaddiwa mu nze,
n’omutego gwange ogw’akasaale gusigale nga tegukaddiye mu mukono gwange.’

21 “Abantu beesunganga okumpuliriza,
nga balindirira mu kasirise amagezi gange.
22 Bwe namalanga okwogera, nga tewaba addayo kwogera,
ebigambo byange byagwanga mpola mpola mu matu gaabwe.
23 Bannindiriranga ng’enkuba
ne banywa ebigambo byange ng’enkuba eya ttoggo.

24 Bwe nabamwenyeranga nga tebakikkiriza;
ekitangaala ky'oku maaso gange kyali kya muwendo gye bali.
25 Nabasalirangawo eky'okukola,
ne ntuula nga kabaka n'amaggye ge;
nnali ng'abo ababeesabeesa abakungubazi."

# 30

1 "Naye kaakano bansekerera;
abantu abansinga obuto,
bakitaabwe be nnandibadde nteeka
wamu n'embwa ezikuuma endiga zange.
2 Amaanyi g'emikono gyabwe gaali gangasa ki?
Abantu abaali baweddemu amaanyi ag'obuvubuka bwabwe,
3 abakoozimbye abaali mu bwetaavu era abayala,
bameketa ettaka ekkalu mu nsi enjereere mu budde obw'ekiro.
4 Banoga ebiragala ebiwoomerera ng'omunnyo mu bisaka,
enkolokolo ez'omwoloola y'emmere yaabwe.
5 Baagobebwa bave mu bantu bannaabwe,
ne babaleekaanira gy'obeera nti, baali babbi.
6 Baawalirizibwa okubeera mu migga egyakalira,
mu njazi ne mu binnya wansi mu ttaka.
7 Baakaabira mu bisaka ng'ensolo
ne beekweka mu bikoola by'emiti.
8 Ezzadde ly'abasirusiru abatalina bwe bayitibwa,
baagobebwa mu nsi.
9 Naye kaakano abaana baabwe bansekerera nga bannyimba;
nfuuse ekyenyinyalwa gye bali,
10 abatanjagala abanneesalako,
banguwa okunfujjira amalusu mu maaso.
11 Kaakano Katonda nga bw'atagguludde akasaale kange, ammazeemu amaanyi;
beeyisizza nga bwe balaba mu maaso gange.
12 Abantu bano bannumba ku mukono gwange ogwa ddyo;
bategera ebigere byange emitego,
ne baziba amakubo banzikirize.
13 Banzingiza
ne banzikiriza,
nga tewali n'omu abayambye.
14 Banzingiza ng'abayita mu kituli ekigazi,
bayingira nga bayita mu muwaatwa.
15 Nnumbiddwa ebitiisa eby'amaanyi;
ekitiibwa kyange kifuumuuse ng'ekifuuyiddwa empewo,
era n'obukuumi bwange ne bubulawo ng'ekire."

### *Okubonaabona kwa Yobu*

16 "Era kaakano obulamu bwange buseebengerera buggwaawo,
ennaku ez'okubonaabona zinzijjidde.
17 Ekiro kifumita amagumba gange
era obulumi bwe nnina tebukoma.
18 Mu maanyi ge amangi Katonda abeera ng'olugoye lwe nneebikka,
n'ensibibwa ng'ekitogi ky'ekyambalo kyange.
19 Ansuula mu bitosi,

ne nfuuka ng'enfuufu n'evvu.

20 "Nkukaabirira nti, Ayi Katonda, naye toddamu;
nnyimirira, naye ontunuulira butunuulizi.
21 Onkyukira n'obusungu;
onnumba n'omukono gwo ogw'amaanyi.
22 Onsitula mu bbanga n'ongobesa empewo,
n'onziza eno n'eri mu muyaga.
23 Mmanyi nga olintuusa mu kufa,
mu kifo kye wateekerawo abalamu bonna.

24 "Ddala tewali ayamba muntu anyigirizibwa
ng'akaaba mu kunyigirizibwa kwe.
25 Saakaabira abo abaali mu buzibu?
Emmeeme yange teyalumirirwa abaavu?
26 Naye bwe nanoonya obulungi, ekibi kye kyajja;
bwe nanoonya ekitangaala, ekizikiza kye kyajja.
27 Olubuto lwange lutokota, terusirika;
ennaku ez'okubonaabona kwange zinjolekedde.
28 Nzenna ŋŋenda nzirugala naye si lwa kwokebwa musana;
nnyimirira mu lukuŋŋaana, ne nsaba obuyambi.
29 Nfuuse muganda w'ebibe,
munne w'ebiwuugulu.
30 Olususu lwange luddugadde, era lusumbuka;
n'omubiri gwange gwokerera.
31 Ettendo lyange lifuuseemu kukaaba
n'akalere kange ne kavaamu eddoboozi ery'ebiwoobe."

# 31

*Obutukuvu bwa Yobu*

1 "Nakola endagaano n'amaaso gange;
obutatunuulira muwala n'amaaso ag'obukaba.
2 Kiki Katonda kye yandinsasudde okuva waggulu,
omugabo ogwandivudde eri oyo Ayinzabyonna ali waggulu?
3 Emitawaana tegijjira abo abatali batukuvu,
n'okulaba ennaku ne kujjira abakola eby'obujeemu?
4 Amakubo gange gonna tagalaba,
era tamanyi ntambula yange?
5 Obanga natambulira mu bulimba
era nga n'ekigere kyange kyayanguyiriza okukola obukuusa;
6 leka mpimibwe ku minzaani ya Katonda
amanye obutuukirivu bwange.
7 Obanga ekigere kyange kyali kikyamye okuva mu kkubo,
n'omutima gwange ne gugoberera amaaso gange,
engalo zange ne zibaako ebbala lyonna;
8 kale nsige, omulala abirye,
weewaawo ebirime byange bikuulibwe.
9 Obanga omutima gwange gwali gusendeddwasendeddwa omukazi,
oba ne mmuteegera ku mulyango gwa muliraanwa,
10 kale omukazi wange ase eŋŋaano y'omusajja omulala,
n'abasajja abalala beebake naye.

11 Kubanga ekyo kyandibadde kya kivve,
ekibi ekiŋŋwanira okubonerezebwa.
12 Ogwo gwandibadde muliro ogwokya okutuusa mu kuzikirira,
ogwandyokezza ebyange byonna bye nasimba.”

### *Abaddu n’Abaavu Okubassaako Omwoyo*

13 “Obanga nnali nnyoomye ensonga y’omuddu wange oba omuddu wange omukazi,
bwe banninaako ensonga,
14 kale ndikola ntya Katonda bw’alinnyimukiramu?
Era bw’alimbuuza, ndimuddamu ki?
15 Eyantonda mu lubuto nabo si ye yabatonda?
Ffenna si ye yatukola mu mbuto za bannyaffe?

16 “Obanga nnamma omwavu ekintu kyonna,
era obanga nakaabya nnamwandu;
17 obanga nnali ndidde akamere kange nzekka
atalina kitaawe n’atalyako,
18 kubanga okuva mu buto bwange namulera nga kitaawe,
era okuva mu lubuto lwa mmange nayamba nnamwandu.
19 Obanga nnali ndabye omuntu yenna ng’afa olw’okubulwa ebyambalo,
oba ali mu kwetaaga atalina kye yeebikka;
20 mpozzi omutima gwe, gwe gutansiima,
olw’okumubugumya n’ebyoya by’endiga zange;
21 obanga nayimusa omukono gwange eri abatalina bakitaabwe,
kubanga mmanyi nti, mmanyiganye n’ab’obuyinza,
22 kale omukono gwange gukutuke ku kibegabega kyange,
leka gukutukireyo mu kinywa we guyungira.
23 Olw’okutya okuzikirizibwa Katonda n’olw’obukulu bwe,
nnali sisobola kukola bintu ng’ebyo.

24 “Obanga nateeka obweyamo bwange mu zaabu
oba ne ŋŋamba zaabu ennongoose nti, ‘Ggwe bwesige bwange;’
25 obanga neeyagala olw’okuba n’obugagga obungi,
oba olw’okuba emikono gyange gy’ali ginfunyisizza bingi;
26 obanga nnali ntunuulidde enjuba,
oba omwezi nga byaka mu kitiibwa,
27 omutima gwange ne gusendebwasendebwa mu kyama,
ne mbinywegera nga mbisaamu ekitiibwa,
28 era n’ekyo kyandibadde kibi ekiŋŋwanyiza okusalirwa omusango
olw’obutaba mwesigwa eri Katonda ali waggulu.”

### *Abalabe n’Abagwira Okubassaako Omwoyo*

29 “Obanga nasanyuka ng’omulabe wange afunye emitawaana
oba ne njaguza olw’ebizibu ebyamutuukako,
30 sakkiriza kamwa kange kwonoona
nga nkolimira obulamu bwe.
31 Abantu b’omu nnyumba yange bwe baba tebabuuzanga nti,
‘Ani atakkuse nnyama?’
32 Tewali mutambuze yasula ku kkubo,
kubanga oluggi lwange lwali luggule eri buli muyise.
33 Obanga nakweka ekibi kyange ng’abantu bwe bakola,

nga nkweka obutali butuukirivu bwange mu mutima gwange,
34 olw'okutya ekibiina,
nga ntya okuswala mu kika,
ne nsirika ne ntya n'okufuluma ebweru,
35 so nga waliwo ayinza okumpulira,
leka nteekeko omukono ku mpoza yange, leka Ayinzabyonna anziremu;
n'oyo ampawaabira abiteeke mu buwandiike.

36 "Ddala ddala nandibyambadde ku kibegabega kyange,
nandibyambadde ku mutwe ng'engule.
37 Nandimunnyonnyodde buli kifo we nalinnya ekigere,
nandimusemberedde ng'omulangira.

38 "Singa ettaka lyange linkaabirira,
n'ebinnya byalyo bye nsimye ne bitotobala n'amaziga;
39 obanga ndiddemu ebibala awatali kusasula,
era ne ndeetera bannannyini lyo okufa,
40 leka omwennyango gumere mu kifo ky'eŋŋaano,
n'omuddo oguwunya gumere mu kifo kya sayiri."
Ebigambo bya Yobu byakoma wano.

# 32

*Eriku Ayogera*

1 Awo abasajja abo abasatu ne balekeraawo okwogera ne Yobu, kubanga
yali yeeraba nga mutuukirivu.
2 Naye Eriku, mutabani wa Balakeri Omubuzi, ow'omu kika kya Laamu,
n'anyiigira nnyo Yobu olw'okweraba ng'atalina musango, naye n'anenya
Katonda.
3 Yanyiigira ne mikwano gye abasatu, kubanga baalemwa okulumiriza
Yobu kyokka nga baali bamusingisizza omusango.
4 Eriku yali alinzeeko okwogera ne Yobu kubanga banne baali bakulu
okumusinga.
5 Naye bwe yalaba ng'abasajja bano abasatu tebakyalina kirala kya
kwogera, n'anyiiga.
6 Awo Eriku mutabani wa Balakeri Omubuzi n'addamu n'ayogera nti,
"Nze ndi muto mu myaka,
mmwe muli bakulu,
kyenavudde ntya
okubabuulira kye ndowooza.
7 Nalowoozezza nti, Emyaka gye gisaanye okwogera,
n'emyaka emingi gye gisaanye okuyigiriza amagezi.
8 Kyokka omwoyo oguli mu muntu,
nga gwe mukka gw'oyo Ayinzabyonna, gwe guwa omuntu okutegeera.
9 Abakadde si be bokka abalina amagezi,
wadde abakulu bokka okuba nga be bategeera ekituufu.

10 "Kyenva ŋŋamba nti, Mumpulirize,
nange mbabuulire kye mmanyi.
11 Nassizzaayo omwoyo nga mwogera,
nawulirizza ensonga ze mwawadde nga munoonya eby'okwogera.

12 Nabawulirizza bulungi.
Kyokka tewali n'omu ku mmwe yalaze Yobu bw'ali omukyamu;
tewali n'omu ku mmwe eyayanukudde ebigambo bye.
13 Mwegendereze temugamba nti, 'Tusanze omuntu ow'amagezi;
muleke Katonda amuwangule so si bantu.'
14 Kyokka Yobu ebigambo bye tabyolekezza nze,
era sijja kumuddamu na bigambo byammwe.

15 "Basobeddwa, tebalina kya kwogera,
ebigambo bibaweddeko.
16 Kaakano nsirike busirisi,
nga bayimiridde buyimirizi, nga tebalina kye boogera?
17 Nange nnina eky'okwogera,
era nnaayogera kye mmanyi,
18 kubanga nzijjudde ebigambo,
era omwoyo ogwange gumpaliriza okwogera.
19 Munda mu nze omutima guli nga wayini, asaanikiddwa mu ccupa,
ng'amaliba amaggya agalindiridde okwabika.
20 Nteekwa okwogera, nsobole okufuna eddembe,
nteekwa okwasamya akamwa kange mbeeko kye njogera.
21 Sijja kubaako gwe nkwatirwa nsonyi,
era sijja na kuwaana muntu yenna.
22 Kubanga singa mpaaniriza,
Omutonzi wange yandyanguye okunziggyawo."

# 33

1 "Kaakano ggwe Yobu, wuliriza ebigambo byange:
ssaayo omwoyo ku byonna bye njogera.
2 Laba nnaatera okwasamya akamwa kange,
ebigambo byange bindi ku lulimi.
3 Ebigambo byange biva mu mutima omulongoofu;
olulimi lwange, mu bwesimbu, lwogera bye mmanyi.
4 Omwoyo wa Katonda ye yankola,
era omukka gw'oyo Ayinzabyonna gumpa obulamu.
5 Onnyanukule nno bw'oba osobola,
teekateeka ebigambo byo onjolekere.
6 Laba, nange ndi ggwe mu maaso ga Katonda.
Nange nava mu bbumba.
7 Tobaako ky'otya,
sijja kukunyigiriza.
8 Ddala ddala oyogedde mpulira,
ebigambo byennyini mbiwulidde ng'ogamba nti,
9 Ndi mulongoofu sirina kibi,
siriiko musango so mu nze temuli butali butuukirivu.
10 Kyokka Katonda anteekako omusango,
anfudde omulabe we.
11 Asiba ebigere byange mu nvuba,
antwala okuba omulabe we.

12 "Naye leka nkubuulire, mu kino toli mutuufu.
Katonda asinga omuntu.

13 Lwaki omwemulugunyiza nti,
taddamu bigambo bya muntu yenna?
14 Kubanga Katonda ayogerera mu ngeri emu, n'awalala n'ayogerera mu ngeri endala,
wadde ng'omuntu tassaayo mwoyo.
15 Mu kirooto mu kwolesebwa ekiro
ng'otulo tungi tukutte abantu
nga beebase ku bitanda byabwe,
16 aggula amatu g'abantu,
n'abalabula n'ebyekango,
17 alyoke akyuse omuntu okumuggya mu bikolwa ebibi
n'amalala,
18 aziyize emmeeme ye okukka mu bunnya,
n'obulamu bwe buleme okuzikirira n'ekitala.

19 "Omuntu ayinza okubonerezebwa, olumbe ne lumulumira ku kitanda kye,
n'alumwa olutatadde mu magumba ge,
20 obulamu bwe ne bwetamira ddala emmere,
emmeeme ye n'ekyayira ddala ebyassava.
21 Omubiri gwe gugwako ku magumba,
n'amagumba ge ne gafubutukayo gye gaali geekwese,
22 emmeeme ye n'esembera kumpi n'obunnya;
obulamu bwe ne bulaga eri abo abaleeta okufa.
23 Singa wabaawo malayika ku ludda lwe,
amuwolereza, omu ku lukumi,
okubuulira omuntu ekigwanidde;
24 yandimukwatiddwa ekisa n'amugamba nti,
'Muwonye aleme kusuulibwa magombe,
mmusasulidde omutango,'
25 omubiri gwe guzzibwa buggya ng'ogw'omwana omuwere,
era guddayo ne gubeera nga bwe gwali mu nnaku ze ez'obuvubuka.
26 Omuntu asaba Katonda, Katonda n'amukwatirwa ekisa.
Alaba amaaso ga Katonda n'ajaguza n'essanyu,
Katonda n'amuddiza nate ekifo kye eky'obutuukirivu.
27 Awo omuntu n'akomawo eri abantu n'abagamba nti,
Nayonoona, ne nkola ekyo ekitaali kirungi,
naye ne sibonerezebwa nga bwe kyali kiŋŋwanidde.
28 Yanunula emmeeme yange n'amponya okukka mu bunnya;
kyenaava mbeera omulamu ne nsigala nga mpoomerwa ekitangaala.

29 "Bw'atyo Katonda bw'akola omuntu
emirundi ebiri oba esatu,
30 okuzza emmeeme ye ng'agiggya emagombe,
ekitangaala eky'obulamu kimwakire.

31 "Yobu, weetegereze nnyo, ompulirize;
siriikirira nkubuulire.
32 Bw'oba ng'olina eky'okwogera kyonna, nziraamu;
yogera kubanga njagala wejjeerere.
33 Bwe kitaba kityo, mpuliriza;
sirika nange nnaakuyigiriza amagezi."

# 34

1 Awo Eriku ne yeeyongera okwogera nti,
2 “Muwulire ebigambo byange, mmwe abasajja ab’amagezi;
mumpulirize mmwe abayivu.
3 Kubanga okutu kugezesa ebigambo
ng’olulimi bwe lugezesa emmere.
4 Leka twesalirewo ekituufu;
muleke tulondewo ekisaanidde.

5 “Yobu agamba nti, ‘Siriiko musango,
naye Katonda agaanye okusala omusango gwange mu mazima.
6 Wadde nga ndi mutuufu,
ntwalibwa okuba omulimba,
wadde nga siriiko musango,
akasaale ke kanteseeko ekiwundu ekitawonyezeka.’
7 Musajja ki ali nga Yobu,
anywa okunyoomebwa ng’anywa amazzi?
8 Atambula n’abakozi b’ebibi,
mukwano gw’abo abakola ebitali bya butuukirivu.
9 Kubanga agambye nti, ‘Omuntu talina kyaganyulwa
bw’agezaako okusanyusa Katonda.’
10 Noolwekyo mumpulirize mmwe abasajja abalina okutegeera.
Kikafuuwe Katonda okukola ebibi,
wadde Ayinzabyonna okukola ebikyamu.
11 Asasula omuntu olw’ekyo ky’aba akoze;
n’amutuusaako ebyo ebimusaanidde olw’empisa ze.
12 Weewaawo amazima gali nti, Katonda tasobya.
Ayinzabyonna tasaliriza musango.
13 Obuyinza yabuggya eri ani okukulembera ensi?
Ani eyamuwa olukusa okufuga ensi yonna?
14 Singa asalawo n’atwala omwoyo gw’omuntu
awamu n’omukka gwe,
15 abantu bonna bandizikiriridde wamu,
era omuntu yandizzeeyo mu nfuufu.

16 “Bw’oba olina okutegeera, wuliriza kino;
wuliriza kye ŋŋamba.
17 Oyo atayagala bwenkanya asobola okufuga?
Onoosalira abatuukirivu n’oyo ow’amaanyi omusango?
18 Oyo si ye agamba bakabaka nti, ‘Tolina mugaso,’
n’abakungu nti, ‘Oli mukozi wa bibi,’
19 atattira balangira ku liiso
era nga tafa ku bagagga kusinga bw’afa ku baavu,
kubanga egyo gye mirimu gy’emikono gye?
20 Mu kaseera buseera baba bafiiridde wakati mu ttumbi.
Abantu banyeenyezebwa ne baggyibwawo.
Abo ab’amaanyi batwalibwa n’omukono ogutali gw’abantu.

21 “Amaaso ge gatunuulira amakubo g’abantu;
atunuulira buli kigere kye batambula.
22 Teri kifo kikwafu wadde ekisiikirize eky’amaanyi,

ababi gye bayinza okwekweka.
23 Katonda teyeetaaga kwongera kwekebejja bantu
okulabika mu maaso ge okusalirwa omusango.
24 Awatali kwebuuza ku muntu yenna, amenyaamenya ab'amaanyi
n'ateekawo abalala mu kifo kyabwe.
25 Olw'okubanga amanyi ebikolwa byabwe,
abamalamu amaanyi ekiro ne babetentebwa.
26 Ababonereza olw'ebikolwa byabwe ebibi
abantu bonna nga balaba,
27 kubanga baamuvaako ne balekeraawo okumugoberera
ne bataddayo kufaayo n'akatono ku makubo ge gonna.
28 Baleetera abaavu okukaaba, ne kumutuukako
era n'awulira okukaaba kw'abanyigirizibwa.
29 Naye bw'asalawo obutabaako ky'ayogera, ani ayinza okumunenya?
Bwakweka amaaso ge ani ayinza okumulaba?
Eggwanga n'omuntu abalinako obuyinza bwe bumu;
30 aziyiza omuntu atatya Katonda okufuga,
aleme okutega abantu emitego.

31 "Singa omuntu agamba Katonda nti,
gunsinze, sikyaddayo kwonoona,
32 kye sitegeera kinjigirize,
bwe mba nga nsobezza sikyaddayo kukikola,
33 olwo Katonda akuddemu nga bw'oyagala,
akuleke ng'ogaanye okwenenya?
Kaakano ggwe olina okusalawo, so sinze;
noolwekyo mbuulira ggwe ky'omanyi.

34 "Abantu abalina okutegeera mumbuulire,
abasajja abagezi abawulira muntegeeze,
35 'Yobu ayogeza butamanya
ebigambo bye tebiriimu kwolesebwa.'
36 Singa Yobu agezesebbwa okutuusa ku nkomerero,
olw'okwogera ng'abasajja abakozi b'ebibi!
37 Kubanga ku kibi kye ayongeddeko obujeemu,
n'akuba mu ngalo wakati mu ffe,
n'ayongera okwogera ng'awakanya Katonda."

# 35

1 Eriku n'ayongera okwogera nti,
2 "Olowooza kiba kituufu ggwe okugamba nti, Katonda ananziggyako omusango.
Oyogera nti, obutuukirivu bwange businga obwa Katonda.
3 Ate obuuza nti, 'Nganyulwa ntya?'
Kirungi ki kye nfuna mu kwonoona kwange?

4 "Nandyagadde okukuddamu
ne mikwano gyo egyo gy'oli nagyo.
5 Tunula eri eggulu olabe;
tunuulira ebire, ebiri waggulu ennyo okukusinga.
6 Singa oyonoona ekyo kimukwatako kitya?

Ebyonoono byo bwe byeyongera, ekyo kimukolako ki?
7 Bw'oba omutuukirivu, kiki ky'oba omuwadde,
oba kiki ky'aba afunye okuva mu ngalo zo?
8 Okwonoona kwo kukosa muntu nga ggwe,
era n'obutuukirivu bwo bukwata ku baana b'abantu.
9 Abantu bakaaba olw'okunyigirizibwa okw'amaanyi,
balaajaanira ab'omukono ogw'amaanyi.
10 Naye tewali n'omu agamba nti, Aluwa MUKAMA Omutonzi wange
atuwa ennyimba ekiro,
11 atuyigiriza ebingi okusinga ensolo ez'omu nsiko,
era n'atufuula bagezi okusinga ebinyonyi eby'omu nsiko?
12 Newaakubadde nga bakaaba, tayinza kuwulira
n'addamu kukaaba kw'abasajja ab'amalala abakozi b'ebibi.
13 Ddala ddala Katonda tawuliriza kukoowoola kwabwe okwo okutaliimu;
Ayinzabyonna takufaako.
14 Kale kiba kitya
bw'ogamba nti tomulaba,
era nti, Omusango gwo guli mu maaso ge
era oteekwa okumulindirira;
15 oba nti, ne bw'asunguwala tabonereza
era tafaayo nnyo ku butali butuukirivu.
16 Kale nno Yobu ayasamya akamwa ke okwogera ebitaliimu;
obutamanya bumwogeza ebigambo olukunkumuli."

# 36

1 Eriku ne yeeyongera okwogera nti,
2 "Yongera okuŋŋumiikirizaako katono nkulage,
nkyalina bye nnina okwogera ebifa ku Katonda.
3 Amagezi ge nnina gava wala,
era mmanyi nga Omutonzi wange alamula mu bwenkanya.
4 Eky'amazima ebigambo byange si bikyamu,
oyo akakasa by'amanyi y'ayogera naawe.

5 "Laba, Katonda wa buyinza, tanyooma bantu;
w'amaanyi, anywerera ku bigendererwa bye.
6 Talamya bakozi ba bibi,
era awa ababonyaabonyezebwa ebibasaanira.
7 Taggya maaso ge ku batuukirivu,
abatuuza ku ntebe ey'obwakabaka
n'abagulumiza emirembe n'emirembe.
8 Naye abantu bwe baba basibiddwa enjegere
nga banywezeddwa n'emiguwa egy'okulumwa
9 n'abategeeza ensobi zaabwe, n'okwonoona kwabwe,
nti, beewaggudde,
10 aggula amatu gaabwe bawulirize okunenyezebwa
n'abalagira beenenye ekibi kyabwe.
11 Bwe bamugondera ne bamuweereza,
ennaku zaabwe zonna balizimala mu kwesiima,
era n'emyaka gyabwe mu kusanyuka.
12 Naye bwe batamugondera,
baalizikirizibwa n'ekitala,

bafe nga tebalina magezi.

13 “Ab’emitima egitatya Katonda baba n’obukyayi.
Ne bw’abasiba, tebamukaabirira abasumulule.
14 Bafiira mu buvubuka bwabwe
era obulamu bwabwe buzikiririra mu basajja abenzi.
15 Anunula anyigirizibwa mu kubonaabona kwe,
n’aggula okutu kwe mu kujoogebwa kwe.

16 “Akusendasenda okukuggya mu kamwa k’okubonaabona,
akuteeke mu kifo ekigazi ekitaliimu kuziyizibwa,
omanye emirembe gy’emeeza yo ejjudde emmere ennungi.
17 Naye kaakano weetisse omugugu ogw’okusalirwa omusango abakozi b’ebibi gwe basaanira;
okusalirwa omusango n’obwenkanya byakunyweza.
18 Weegendereze oleme kukkiriza kusendebwasendebwa;
obunene bw’enguzi buleme okukukyamya.
19 Obugagga bwo
oba okufuba kwo kwonna
binaakuyamba okukuggya mu buyinike?
20 Teweegomba budde bwa kiro
olyoke owalule abantu okuva mu bifo byabwe.
21 Weegendereze oleme kukola bitali bya butuukirivu,
by’osinga okwagala okukira okubonyaabonyezebwa.

22 “Laba Katonda yagulumira mu maanyi ge;
ani ayigiriza nga ye?
23 Ani eyali amukubidde amakubo,
oba okumugamba nti, ‘Ky’okoze si kituufu?’
24 Jjukira ng’oteekwa okugulumizanga emirimu gye,
abantu gye bayimba mu nnyimba.
25 Abantu bonna baagiraba,
omuntu agirengerera wala.
26 Laba, Katonda agulumizibwe! Assukiridde okutegeera kwaffe;
obungi bw’emyaka gye tebunoonyezeka.

27 “Kubanga akuŋŋaanya amatondo g’amazzi,
agafuuka enkuba etonnya mu bugga;
28 ebire bivaamu amazzi gaabyo,
enkuba n’ekuba abantu.
29 Ani ayinza okutegeera engeri gy’asaasaanyamu ebire,
okubwatuka okuva ku kituuti kye?
30 Laba, asaasaanya okumyansa kw’eggulu,
era n’abikka obuziba bw’ennyanja.
31 Eyo y’engeri gy’afugamu amawanga,
n’agawa emmere mu bungi.
32 Emikono gye agijjuza eraddu,
n’agiragira ekube ebifo bye yeerondeddemu.
33 Okubwatuka kwayo kulangirira kibuyaga ajja,
n’ente ne zirangirira okujja kwayo.”

# 37

1 “Kino kikankanya omutima gwange,
ne gubuuka okuva mu kifo kyagwo.
2 Wuliriza okubwatuka kw’eddoboozi lye,
n’okuwuluguma okuva mu kamwa ke.
3 Asumulula eggulu ne limyansa wansi w’eggulu wonna,
n’aliragira ligende ku nkomerero y’ensi.
4 Kino oluggwa, okuwuluguma kw’eddoboozi lye kwe kuddako,
abwatuka n’eddoboozi lye ery’omwanguka,
era eddoboozi lye bwe liwulirwa,
tewabaawo kisigala nga bwe kibadde.
5 Eddoboozi lya Katonda libwatuka mu ngeri ey’ekitalo;
akola ebintu ebikulu ebisukka okutegeera kwaffe.
6 Agamba omuzira nti, ‘Ggwa ku nsi,’
ate eri enkuba etonnya nti, ‘Ttonnya nnyo.’
7 Emirimu gya buli muntu giyimirira,
buli omu n’alyoka amanya amaanyi ga Katonda.
8 Ensolo ne ziryoka zessogga empuku zaazo,
ne zigenda zeekukuma.
9 Omuyaga ne gulyoka guva mu nnyumba yaagwo,
n’obunnyogovu ne buva mu mpewo ekuŋŋunta.
10 Omuzira ne guva mu mukka gwa Katonda
n’amazzi amangi ne gekwata kitole.
11 Ebire abijjuza amatondo g’amazzi,
n’asaasaanya okumyansa kw’eggulu.
12 Byetooloolatooloola nga y’abiragira,
ne bituukiriza byonna by’abiragira,
ku nsi yonna okubeera abantu.
13 Bwe kuba kubonereza, oba okufukirira ensi
oba okulaga okwagala kwe, atonnyesa enkuba.

14 “Wuliriza kino Yobu;
sooka oyimirire olowooze ku bikolwa bya Katonda eby’ettendo.
15 Omanyi Katonda engeri gy’alagiramu ebire,
n’aleetera eggulu okumyansa?
16 Omanyi engeri ebire gye bituulamu mu bbanga,
amakula g’emirimu gy’oyo eyatuukirira mu kumanya?
17 Ggwe alina ebyambalo ebibuguma,
ensi bw’eba ng’ekkakkanyizibbwa embuyaga ez’obukiikaddyo,
18 oyinza okumwegattako ne mubamba eggulu,
eryaguma ne libeera ng’endabirwamu ensanuuse?

19 “Tubuulire kye tunaamugamba;
tetusobola kuwoza nsonga zaffe gy’ali olw’ekizikiza kye tulimu.
20 Asaanidde okubuulirwa kye njagala okwogera?
Eriyo omuntu yenna ayinza okusaba okumalibwawo?
21 Kaakano tewali n’omu ayinza kutunula mu njuba,
olw’engeri gy’eyakamu ku ggulu,
ng’empewo emaze okuyita, n’eyelula ebire.
22 Mu bukiikakkono evaayo zaabu;
Katonda ajja mu kitiibwa eky’amaanyi.

23 Ayinzabyonna tatuukikako era agulumidde mu maanyi,
mu bwenkanya bwe era ne butuukirivu bwe, tawaliriza muntu yenna.
24 Noolwekyo abantu bamutya,
takitwala ng'ekikulu olw'abo abeerowooza okuba abagezi mu mitima gyabwe."

# 38

*MUKAMA Ayogera*

1 MUKAMA n'addamu Yobu ng'ayita mu muyaga, n'ayogera nti,
2 "Ani ono aleeta ekizikiza ku kuteesa kwange,
n'ebigambo ebitaliimu magezi?
3 Yambala ebyambalo byo ng'omusajja,
mbeeko bye nkubuuza
naawe onziremu.

4 "Wali ludda wa nga nteekawo emisingi gy'ensi?
Mbuulira bw'oba otegeera.
5 Ani eyasalawo ebipimo byayo? Ddala oteekwa okuba ng'omanyi!
Oba ani eyagipima n'olukoba?
6 Entobo zaayo zaateekebwa ku ki?
7 Emunyeenye ez'oku makya bwe zaali ziyimba,
era n'abaana ba Katonda bonna nga baleekaana olw'essanyu,
8 ani eyasiba enzigi n'aggalira ennyanja,
bwe yava mu lubuto lwayo?

9 "Bwe nakolera ebire ekyambalo kyabyo,
ne mbisibira mu kizikiza ekikwafu,
10 bwe n'abiteekerawo we bikoma
ne mbiteerako emitayimbwa n'enzigi,
11 bwe nagamba nti, Wano we mutuuse we munaakoma temujja kweyongerayo,
era wano amayengo gammwe ag'amalala we ganaakoma?

12 "Oba wali olagidde ku budde okukya kasookedde obaawo ku nsi,
oba emmambya okugiraga ekifo kyayo,
13 eryoke ekwate ensi w'ekoma
eginyeenye esuule eri ababi bagiveeko bagwe eri?
14 Ensi eggyayo ebyafaayo byayo n'eba ng'ebbumba wansi w'akabonero,
ebyafaayo ebyo ne byefaananyiriza olugoye.
15 Abakozi b'ebibi bammibwa ekitangaala kyabwe,
n'omukono gwabwe gwe bayimusa gumenyebwa.

16 "Wali otuuseeko ku nsulo ennyanja w'esibuka,
oba n'olaga mu buziba bw'ennyanja?
17 Wali obikuliddwa enzigi z'emagombe?
Oba wali olabye enzigi z'ekisiikirize ky'okufa?
18 Wali otegedde obugazi bw'ensi?
Byogere, oba bino byonna obimanyi.

19 "Ekkubo eridda mu nnyumba omusana gye gusula liri ludda wa?
N'ekifo ekizikiza gye kisula kye kiruwa?

20 Ddala, osobola okubitwala gye bibeera?
Omanyi ekkubo erigenda gye bisula?
21 Ddala oteekwa okuba ng'obimanyi,
kubanga wali wazaalibwa dda!

22 "Wali oyingidde amazzi agakwata mu butiti, gye gaterekebwa,
oba wali olabye omuzira gye guterekebwa?
23 Bye nterekera ebiseera eby'emitawaana,
bikozesebwe mu nnaku ez'entalo n'okulwana?
24 Kkubo ki erituusa ekitangaala ky'omusana gye kisaasaanira,
oba empewo ey'ebuvanjuba gy'esaasaanira ku nsi?
25 Ani akubira amataba emikutu mwe ganaayita,
oba ekkubo eggulu eribwatuka mwe liyita?
26 Ani atonnyesa enkuba mu nsi abantu mwe batabeera,
eddungu omutali muntu yenna,
27 n'okufukirira ettaka eryalekebwa awo, eryazika,
n'okulimezaako omuddo?
28 Enkuba erina kitaawe waayo?
Ani azaala amatondo ag'omusulo?
29 Omuzira guva mu lubuto lw'ani?
Ani azaala obutiti obukwafu obw'omu ggulu,
30 amazzi mwe gakwatira ne gakaluba ng'amayinja,
ne kungulu kw'obuziba ne kukwata?

31 "Oyinza okuziyiza okwakaayakana kwa Kakaaga,
oba okutaggulula enkoba za Ntungalugoye?
32 Oyinza okufulumya emunyeenye ziveeyo zaake ng'ekiseera kyazo kituuse,
oba okuluŋŋamya eddubu n'abaana balyo?
33 Omanyi amateeka n'obufuzi bw'eggulu?
Oyinza okuteekawo obufuzi bw'alyo oba obwa Katonda ku nsi?

34 "Oyinza okuyimusa eddoboozi lyo oleekaanire ebire,
olyoke obiggyemu amataba gakubikke?
35 Ggwe otuma eggulu limyanse era libwatuke?
Lisobola okukweyanjulira nti, 'Tuutuno tuli wano'?
36 Ani eyateeka amagezi mu mutima gw'omuntu,
oba eyateeka okutegeera mu mmeeme?
37 Ani alina amagezi agabala ebire?
Ani ayinza okuwunzika ebibya by'amazzi eby'omu ggulu,
38 enfuufu ng'efuuse ettaka ekkalu,
era amafunfugu ne geegattira ddala?

39 "Empologoma enkazi, oyinza okugiyiggira ky'eneerya,
oba okuliisa empologoma n'ozimalako enjala,
40 bwe zeezinga mu mpuku zaazo,
oba bwe zigalamira nga ziteeze mu bisaka?
41 Ani awa namuŋŋoona emmere,
abaana baayo bwe bakaabirira Katonda,
nga batambulatambula nga babuliddwa emmere?"

# 39

1 “Omanyi ebiro embuzi z’oku nsozi mwe zizaalira?
Oba oyinza okumanya empeewo we ziwakira?
2 Oyinza okubala emyezi gye zimala zizaale?
Omanyi obudde mwe zizaalira?
3 Zikutama ne zizaala abaana baazo,
ne ziwona obulumi bw’okuzaala.
4 Abaana baazo bakula ne bagejjera ku ttale,
batambula ne bagenda obutadda.

5 “Ani eyaleka entulege okwetambulira mu ddembe lyayo?
Ani eyasumulula emiguwa gyayo,
6 gye nawa ensi ey’omuddo okuba amaka gaayo,
n’ensi ey’omunnyo okubeerangamu?
7 Esekerera oluyoogaano lw’ekibuga,
tewuliriza kulekaana kw’abavuzi ba bidduka.
8 Ebuna ensozi, ly’eddundiro lyayo,
ng’enoonya ekintu kyonna ekibisi.

9 “Embogo eyinza okukkiriza okuba omuweereza wo,
n’esula ekiro mu kisibo kyo?
10 Oyinza okugisiba ku muguwa n’ogirimisa olubimbi?
Eyinza okukuvaako emabega ng’erima mu kiwonvu.
11 Oyinza okugyesiga olw’amaanyi gaayo amangi?
Oyinza okugirekera emirimu gyo egy’amaanyi?
12 Oyinza okugyesiga okukuleetera emmere yo ey’empeke,
oba okukuleetera eŋŋaano mu gguuliro lyo?

13 “Ebiwaawaatiro bya maaya bisanyusa nga byewujja,
naye ebiwaawaatiro n’ebyoya bya kalooli tebiraga kisa.
14 Kubanga emaaya ebiika amagi gaayo ku ttaka,
n’egaleka ne gabugumira mu musenyu,
15 ne yeerabira nti, ekigere kisobola okugaasa,
era nga ensolo ey’omu nsiko eyinza okugalinnya.
16 Obwana bwayo ebuyisa bubi ng’obutali bwayo
gy’obeera nti, yazaalira bwereere.
17 Kubanga Katonda teyagiwa magezi
wadde okutegeera.
18 Ate bw’eyanjuluza ebiwaawaatiro byayo edduke
esoomooza embalaasi n’omugoba waayo.

19 “Embalaasi ggwe ogiwa amaanyi,
oba ggwe oyambaza ensingo yaayo obwoya obwewumba?
20 Ggwe ogisobozesa okubuuka ng’enzige
n’ekanga n’okukaaba kwayo okw’entiisa?
21 Etakula ettaka mu kiwonvu, nga yeeyagala olw’amaanyi gaayo,
n’eryoka efuluma okusisinkana abalwanyi abakutte ebyokulwanyisa.
22 Esekerera okutya, n’eteba na kigitiisa.
Ekitala tekigitiisa kugizza mabega.
23 Omufuko ogujjudde obusaale gwesuukundira ku lubuto lwayo,
awamu n’effumu erimasamasa, n’akasaale.

24 Mu busungu obungi emira ettaka,
tesobola kusigala mu kifo kimu ng'ekkondeere livuze.
25 Ekkondeere bwe livuga n'egamba nti, 'Awo!'
N'ewunyiriza olutalo olukyali ewala,
n'ewulira n'okuleekaana kwa baduumizi b'amaggye.

26 "Amagezi go ge gabuusa kamunye,
n'ayanjuluza ebiwaawaatiro bye e bukiikaddyo?
27 Ggwe olagira empungu okubuukira ewala mu bbanga,
era n'ezimba n'ekisu kyayo waggulu ennyo?
28 Ku lwazi kw'ezimba amaka gaayo ekiro n'esula okwo,
ku lwazi olunywevu olutabetentebwa.
29 Eyo gy'ekettera omuyiggo gw'eneerya,
eriiso lyayo ligulengerera wala.
30 Obwana bwayo bunywa omusaayi,
era awali emirambo w'ebeera."

# 40

1 Awo MUKAMA n'agamba Yobu nti,
2 "Oyo anoonya okuyombera ebitaliimu anaayombesa Ayinzabyonna?
Oyo aleeta empaka ku Katonda, amuddemu."
3 Awo Yobu n'addamu MUKAMA nti,
4 "Laba, sisaanidde, kiki kye nnaakuddamu?
Emimwa kangibikkeko n'engalo.
5 Njogedde omulundi gumu, so siddemu;
weewaawo emirundi ebiri sseeyongere mulundi mulala."
6 Awo MUKAMA ng'ali mu muyaga ogw'amaanyi n'addamu Yobu nti,
7 "Weesibe engoye zo onywere ng'omusajja.
Ka nkubuuze,
naawe onziremu.

8 "Onojjulula ensala yange ey'emisango;
ononsingisa omusango ggwe atuukiridde?
9 Olina omukono ng'ogwa Katonda,
eddoboozi lyo lisobola okubwatuka ng'erirye?
10 Kale nno yambala ekitiibwa n'obukulu
weesibe ekitiibwa n'okusukkuluma osukkulume.
11 Yolesa obusungu bw'ekiruyi kyo
otunuulire buli wa malala omusse wansi.
12 Tunuulira buli musajja ow'amalala omukkakkanye
era olinnyirire abakozi b'ebibi obabetentere we bali.
13 Bonna baziikire wamu mu nfuufu,
emitwe gyabwe ogibikkire mu ntaana.
14 Nange kennyini ndyoke nzikirize,
ng'omukono gwo ogwa ddyo, gusobola okukuwa amaanyi."

### *Amaanyi g'Envubu*

15 "Laba ekisolo ekyefaananyiriza ng'envubu
kye natonda nga ggwe,
erya omuddo ng'ente,
16 nga kirina amaanyi mayitirivu mu kiwato kyakyo
amaanyi mangi mu binywa by'olubuto lwakyo.

17 Kiwuuba omukira gwakyo ne guba ng'omukira gw'omuvule
Ebinywa by'ebisambi byakyo byakwatagana nnyo.
18 Amagumba gaakyo gali ng'enseke ez'ebikomo;
amagulu n'emikono ng'emitayimbwa.
19 Kibalibwa mu bitonde bya Katonda ebisooka,
ate nga Katonda eyakitonda asobola okukisemberera n'ekitala kye.
20 Weewaawo ensozi zikireetera emmere,
eyo ku nsozi, ensolo ez'omu nsiko zonna gye zizannyira.
21 Wansi w'ebisiikirize by'emiti egy'amaggwa, we kyebaka,
ne kyekweka mu bitoogo ne mu bitosi.
22 Ebisiikirize by'emiti bikibikkako,
emiti egiri ku mabbali g'omugga ne gikibikkako.
23 Laba omugga ne bwe gusiikuuka tekyekanga;
kiba kinywevu, Yoludaani ne bwajjula n'abooga.
24 Eriyo omuntu yenna ayinza okukikwata,
oba okuyuza ennyindo yaakyo n'akasaale?"

# 41

*Amaanyi ga Lukwata*

1 "Oyinza okusikayo lukwata n'eddobo,
oba okusiba olulimi lwayo n'omuguwa?
2 Oyinza okuyingiza omuguwa mu nnyindo zaayo,
oba okuwummula oluba lwayo n'eddobo?
3 Eneekwegayirira ng'ekusaba nti, ogikwatirwe ekisa?
Eneeyogera naawe mu bigambo ebigonvu?
4 Eneekola naawe endagaano
ogitwale ekuweereze obulamu bwayo bwonna?
5 Onoozannya nayo nga bw'ozannya n'akanyonyi,
oba okugisiba n'olukoba ng'agisibira bawala bo?
6 Abasuubuzi banaagiramuza,
oba banaagibala ng'ekyamaguzi?
7 Oyinza okuvuba eddiba lyayo n'olijjuza amalobo,
oba omutwe okugufumita n'amafumu agafumita ebyennyanja?
8 Bw'oligissaako engalo zo ekirivaamu tolikyerabira,
toliddayo kukikola!
9 Essuubi lyonna ery'okugiwangula ffu,
okugirabako obulabi kimalamu amaanyi.
10 Teri n'omu mukambwe nnyo asobola kugyaŋŋanga.
Kale, ani oyo asobola okuyimirira mu maaso gange?
11 Ani alina kye yali ampoze musasule?
Byonna ebiri wansi w'eggulu byange.

12 "Ku bikwata ku mikono n'ebigere byayo siisirike,
amaanyi gaayo n'ekikula kyayo bya ssimbo.
13 Ani ayinza okugiggyako eddiba lyayo ery'oku ngulu?
Ani ayinza okuyuza ekizibaawo kyayo eky'amaliba abiri?
14 Ani ayinza okuggula enzigi z'akamwa kaayo?
Amannyo gaayo geetooloddwa entiisa.
15 Omugongo gwe gujjudde enkalala z'engabo
ezisibiddwa okumukumu.
16 Zonna zisibaganye nga tewali mpewo weeyita.

17 Zakwatagana,
ziri ku zinnaazo era tezisobola kwawulibwa.
18 Bw'eyasimula, ebimyanso bijja,
n'amaaso gaayo gali nga enjuba ng'egwa.
19 Mu kamwa kaayo muvaamu ebiriro ebyaka.
Kavaamu ensasi ez'omuliro.
20 Mu nnyindo zaayo muvaamu omukka
ng'ogwentamu eyeesera eri ku muliro ogw'emmuli ezaaka.
21 Omukka oguva mu nnyindo zaayo
gukoleeza Amanda.
22 Mu nsingo yaayo mulimu amaanyi,
n'entiisa eri mu maaso gaayo.
23 Emiwula gy'ennyama yaayo gyegasse;
gikutte nnyo era tegisobola kwenyeenya.
24 Ekifuba kyayo kigumu ng'olwazi,
kigumu ng'olubengo.
25 Bwesituka ab'amaanyi batya.
Badduka olw'okubwatuka kwayo.
26 Ekitala bwe kigituukako tekirina kye kiyinza kumukolako,
oba ffumu, oba omuwunda wadde akasaale akasongovu.
27 Emenya ebyuma gy'obeera nti ekutulakutula bisasiro,
ebyo ebikomo ebimenyaamenya ng'emiti emivundu.
28 Akasaale tekayinza kugiddusa,
amayinja ag'envumuulo gaba nga biti gy'eri.
29 Embukuuli nayo eri ng'ebisusunku gy'eri.
Esekerera amafumu agakasukibwa.
30 Amagalagamba g'oku lubuto lwayo gali ng'engyo z'ensuwa.
Bwe yeekulula mu bitosi ebeera ng'ekyuma ekiwuula.
31 Ereetera obuziba bw'ennyanja okuba ng'entamu eyeesera.
Ennyanja n'eba ng'entamu y'omuzigo ogufumbibwa.
32 Mu mazzi mw'eyise, erekamu ekkubo ery'amayengo ameeru;
ne kireeta n'ekirowoozo nti obuziba bulina envi.
33 Tewali kigyenkana ku nsi;
ekitonde ekitatya.
34 Enyooma buli kisolo.
Ye kabaka w'abo bonna ab'amalala."

# 42

### *Yobu Yeenenya nga Yeeyiyeeko Enfuufu ne Vvu*

1 Awo Yobu n'addamu Mukama nti,
2 "Mmanyi ng'oyinza okukola ebintu byonna,
era tewali kyotegeka kyonna kiyinza kuziyizibwa.
3 Wabuuza nti, 'Ani ono aziyiza okuteesa kwange atalina magezi?'
Mazima ddala nayogera ebintu bye sitegeera,
ebintu ebyassukirira okutegeera kwange.

4 "Wulira nkwegayiridde,
nange mbeeko kye nkubuuza,
onziremu.
5 Amatu gange gaali gaakuwulirako dda,
naye kaakano amaaso gange gakulabye.

6 Kyenvudde neenyooma
era neenenyezza mu nfuufu ne mu vvu."
7 Nga MUKAMA amaze okwogera ebigambo bino eri Yobu, n'agamba
Erifaazi Omutemani nti, "Nkunyiigidde ggwe ne mikwano gyo ababiri;
kubanga temwanjogerako bituufu, ng'omuddu wange Yobu bw'akoze.
8 Noolwekyo kaakano mutwale ente ennume musanvu, n'endiga
ennume musanvu, mugende eri omuddu wange Yobu, mweweereyo
eyo ekiweebwayo ekyokebwa, n'omuddu wange Yobu ajja kubasabira,
kubanga nzija kukkiriza okusaba kwe nneme okubakolako ng'obusirusiru
bwammwe bwe buli. Kubanga temwanjogerako bituufu ng'omuddu
wange bw'akoze."
9 Awo Erifaazi Omutemani, ne Birudaadi Omusuki, ne Zofali Omunaa-
masi ne bagenda ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira. Awo MUKAMA
n'akkiriza okusaba kwa Yobu.
10 Awo MUKAMA n'aggyawo ennaku ya Yobu bwe yamala okusabira
mikwano gye. MUKAMA n'awa Yobu ebintu emirundi ebiri okusinga bye
yalina okusooka.
11 Awo baganda be bonna ne bannyina bonna ne bajja n'abo abaali
bamumanyi okusooka, ne balya naye emmere mu nnyumba ye; ne ba-
musaasira ne bamukulisa okubonaabona kwonna MUKAMA kwe yakkiriza
okumutuukako. Buli omu ku bo n'amuwaayo ffeeza nga bwe yasobola,
n'empeta ya zaabu.
12 Awo MUKAMA n'awa Yobu omukisa mu nnaku ze ezaasembayo
n'okusinga entandikwa ye bwe yali: yafuna endiga omutwalo gumu
mu enkumi nnya, n'eŋŋamira kakaaga, ne ziseddume z'ente lukumi,
n'endogoyi enkazi lukumi.
13 Era MUKAMA n'amuwa n'abaana aboobulenzi musanvu,
n'aboobuwala basatu.
14 Omuwala ow'olubereberye n'amutuuma Yemima, n'owokubiri
n'amutuuma Keeziya, n'owookusatu n'amutuuma Keremukappuki,
n'aboobulezi musanvu.
15 Awo mu nsi yonna ne wataba bakazi balungi kwenkana bawala ba
Yobu. Kitaabwe n'abawa omugabo ogw'ebintu ogwenkanankana ne gwe
yawa bannyinaabwe abalenzi.
16 Oluvannyuma lw'ebyo, Yobu n'awangaala emyaka kikumi mu ana;
n'alaba ku baana be ne ku bazzukulu be okutuuka ku bannakasatwe.
17 N'oluvannyuma n'afa ng'akaddiyidde ddala ng'awezezza emyaka
mingi.

# Zabbuli
## EKITABO I
## 1

*Zabbuli 1–41*
1 Alina omukisa omuntu
atatambulira mu kuteesa kw'ababi,
era atayimirira mu kibiina ky'ababi,
newaakubadde okutuula n'abo abanyooma ebya Katonda.
2 Naye asanyukira okugondera amateeka ga MUKAMA,
era mu mateeka ago mw'alowooleza emisana n'ekiro.
3 Afaanana ng'omuti ogwasimbibwa ku mabbali g'omugga,
ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaabyo,
n'ebikoola byagwo tebiwotoka.
Na buli ky'akola kivaamu birungi byereere.

4 Naye abakola ebibi tebakola bwe batyo.
Bali ng'ebisusunku ebifuumuuliddwa.
5 Noolwekyo abakola ebibi tebaligumira lunaku lwa kusalirako musango;
newaakubadde aboonoonyi okuyimirira mu kibiina ky'abatuukirivu.

6 Kubanga MUKAMA alabirira ekkubo ly'abatuukirivu,
naye ekkubo ly'abakola ebibi liribula.

## Zabbuli 2

1 Lwaki amawanga geegugunga
n'abantu ne bateganira obwereere okusala enkwe?
2 Bakabaka ab'ensi bakuŋŋaanye,
n'abafuzi ne bateeseza wamu
ku MUKAMA
ne ku Kristo we, nga bagamba nti,
3 "Ka tukutule enjegere zaabwe,
era tweyambulemu ekikoligo kyabwe."

4 Naye Katonda oyo atuula mu ggulu,
abasekerera busekerezi, n'enkwe zaabwe ezitaliimu zimusesa.
5 N'alyoka abanenya ng'ajjudde obusungu,
n'abatiisa nnyo ng'aswakidde.
6 N'abagamba nti, "Ddala ddala nateekawo kabaka owange
ku lusozi lwange Sayuuni olutukuvu."
7 Nzija kulangirira ekiragiro kya MUKAMA:
kubanga yaŋŋamba nti, "Ggwe oli Mwana wange,
olwa leero nfuuse kitaawo.
8 Nsaba,
nange ndikuwa amawanga gonna okuba obusika bwo,
era n'ensi yonna gy'ekoma okuba amatwale go.
9 Olibafugisa omuggo ogw'ekyuma,
era olibabetenta ng'entamu y'omubumbi."

10 Kale nno mubeere n'amagezi mmwe bakabaka;

muyige okulabulwa mmwe abafuzi b'ensi.
11 Muweereze MUKAMA nga mumutya,
era musanyuke n'okukankana.
12 Mwanirize Omwana, mumusembeze MUKAMA aleme okubasunguwalira
n'okubazikiriza nga muli mu kkubo lyammwe;
kubanga obusungu bwe bubuubuuka mangu.
Kyokka bonna abaddukira gy'ali balina omukisa.

# Zabbuli 3

Zabbuli ya Dawudi bwe yadduka mutabani we Abusaalomu.
1 Ayi MUKAMA, abalabe bange nga beeyongedde obungi!
Abanfubutukiddeko okunnumba nga bangi!
2 Bangi abanjogerako nti,
"Katonda tagenda kumununula."

3 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, ggwe ngabo yange enkuuma;
ggwe kitiibwa kyange, era gw'onzizaamu amaanyi.
4 Nkoowoola MUKAMA n'eddoboozi ery'omwanguka,
n'annyanukula ng'asinziira ku lusozi lwe olutukuvu.

5 Ngalamira ne neebaka, era ne nzuukuka bulungi,
kubanga MUKAMA ye ampanirira.
6 Siityenga enkumi n'enkumi z'abalabe bange
abanneetoolodde, okunnumba.

7 Golokoka, Ayi MUKAMA,
ondokole Ayi Katonda wange
okube abalabe bange bonna
omenye oluba lw'abakola ebibi.

8 Obulokozi buva gy'oli, Ayi MUKAMA.
Emikisa gyo gibeerenga ku bantu bo.

# Zabbuli 4

Ya mukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa n'ebivuga eby'enkoba. Zabbuli ya Dawudi.
1 Bwe nkukoowoola onnyanukule,
Ayi Katonda wange omutuukirivu.
Bwe mba mu nnaku, onnyambe.
Onkwatirwe ekisa owulire okusaba kwange.

2 Mmwe abaana b'abantu, mulituusa wa okuswazanga ekitiibwa kyange?
Mulituusa ddi okugoberera okwagala ebitaliimu, n'okunoonya eby'obulimba?
3 Naye mutegeere nga MUKAMA yeerondeddemu abo abamugondera.
Bwe nnaamukoowoolanga anampuliranga era anannyanukulanga.

4 Ne bwe munyiiga ennyo, temusaana kwonoona; musiriikirire,
mwekebere era mufumiitirize mu mitima gyammwe nga mugalamidde ku bitanda byammwe.
5 Muweeyo ebiweebwayo ebisaanidde;
era mwesigenga MUKAMA.

6 Waliwo bangi abasaba nti, “Oyongere okutulaga ebirungi, Ayi MUKAMA,
otumulisize omusana gw’amaaso go.”
7 Ondeetedde essanyu lingi mu mutima gwange
erisinga ne lye bafuna mu makungula nga batunuulira ku bibala byabwe ebingi.

8 Nnaagalamira ne nneebaka mirembe;
kubanga ggwe wekka, Ayi MUKAMA,
ggwe ondabirira akabi ne katantuukako.

# Zabbuli 5

Ya mukulu wa Bayimbi. Ya ndere. Zabbuli ya Dawudi.
1 Otege okutu eri ebigambo byange, Ayi MUKAMA;
olowooze ku kunyolwa kwange.
2 Wuliriza eddoboozi ly’omulanga gwange,
Ayi Kabaka wange era Katonda wange:
kubanga ggwe gwe nsaba.

3 Ayi MUKAMA, buli nkya owulira eddoboozi lyange;
buli nkya ndeeta gy’oli okusaba kwange,
ne nnindirira onziremu.
4 Kubanga ggwe Ayi Katonda, tosanyukira bibi:
n’ebitasaana tobigumiikiriza.
5 Ab’amalala era abakola ebibi tobeetaaga mu maaso go:
kubanga okyawa abakola ebibi bonna.
6 Abalimba bonna obazikiriza;
MUKAMA akyawa abatemu
era n’abalimba.
7 Naye olw’ekisa kyo ekingi,
nze nnaayingiranga mu nnyumba yo:
ne nkusinziza mu Yeekaalu yo Entukuvu
n’okutya okungi.

8 Onkulembere, Ayi MUKAMA, mu butuukirivu bwo,
olw’abalabe bange,
ondage ekkubo eggolokofu ery’okutambulirangamu.
9 Abalabe bange bye boogera tebyesigibwa;
emitima gyabwe gijjudde bussi bwereere.
Emimiro gyabwe ntaana eyasaamiridde:
akamwa kaabwe koogera bya bulimba.
10 Basalire omusango gubasinge, Ayi Katonda;
baleke bagwe mu mitego gyabwe.
Bagobe
kubanga baakujeemera.
11 Naye leka abo bonna abakwesiga basanyukenga;
ennaku zonna bayimbenga n’essanyu,
obakuumenga,
abo abaagala erinnya lyo basanyukirenga mu ggwe.

12 Kubanga, Ayi MUKAMA, omutuukirivu omuwa omukisa;
era omukuuma, n’omwetoolooza okwagala ng’engabo.

# Zabbuli 6

Eri Omukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa n'ebivuga eby'enkoba. Zabbuli ya Dawudi.

1 Ayi MUKAMA, tonnenya ng'ojjudde obusungu;
so tombonereza mu kiruyi kyo.
2 Onsaasire, Ayi MUKAMA, kubanga ndi munafu.
Omponye, Ayi MUKAMA, kubanga amagumba gange gali mu bulumi.
3 Emmeeme yange ejjudde ennaku.
Olirindirira kutuusa ddi olyoke onnyambe?

4 Onkyukire, Ayi MUKAMA, olokole omwoyo gwange;
omponye okufa olw'okwagala kwo okungi.
5 Kubanga tewali ayinza kukujjukira ng'amaze okufa.
Ani alikutendereza ng'asinziira emagombe?

6 Mpweddemu amaanyi olw'okusinda.

Buli kiro obuliri bwange bujjula amaziga gange
n'omutto ne gutoba.
7 Amaaso gange ganafuye olw'okunyolwa,
tegakyalaba bulungi olw'abalabe bange.

8 Muve we ndi mmwe mwenna abakola ebibi;
kubanga MUKAMA awulidde okukaaba kwange.
9 MUKAMA awulidde okwegayirira kwange,
n'okusaba kwange akukkirizza.
10 Abalabe bange bonna baliswazibwa era balitya nnyo;
bazzibwe emabega nga bajjudde obuswavu mangu ago.

# Zabbuli 7

Zabbuli ya Dawudi gye yayimbira MUKAMA ng'efa ku Kuusi Omubenyamini.

1 Ayi MUKAMA, Katonda wange, neesiga ggwe:
ngobaako bonna abangigganya era omponye,
2 si kulwa nga bantagulataagula ng'empologoma
ne bankutulakutula obufiififi ne watabaawo amponya.

3 Ayi MUKAMA, Katonda wange, obanga nkoze kino,
era ng'engalo zange ziriko omusango,
4 obanga waliwo andaze ebirungi nze ne si muyisa bulungi,
oba nzibye omulabe wange awatali nsonga:
5 Kale, abalabe bange baleke bangoberere bankwate,
bankube wansi banninnyirire,
banzitire mu nfuufu.

6 Golokoka, Ayi MUKAMA, mu busungu bwo oziyize abalabe bange abajjudde obukambwe.
Golokoka, Ayi Katonda wange,
onnyambe ggwe asala omusango mu bwenkanya.
7 Kuŋŋaanya bannaggwanga bonna okukwetooloola;
obafuge ng'oli waggulu ennyo.

8 Ggwe, Ayi MUKAMA, Ali Waggulu Ennyo,
asalira amawanga gonna emisango,
osale omusango gwange Ayi MUKAMA Ali Waggulu Ennyo ng'obutuukirivu bwange bwe buli,
era n'amazima agali mu nze bwe gali.
9 Ayi Katonda omutukuvu,
akebera emitima n'emmeeme;
okomye ebikolwa by'abakola ebibi:
era onyweze abatuukirivu.

10 Katonda Ali Waggulu Ennyo ye ngabo yange;
alokola abo abalina omutima omulongoofu.
11 Katonda mulamuzi wa mazima;
era alaga ekiruyi kye buli lunaku.
12 MUKAMA awagala ekitala kye
n'aleega omutego gwe
ogw'obusaale.
13 Era ategese ebyokulwanyisa ebissi;
era akozesa obusaale obw'omuliro.

14 Omuntu ajjudde ebibi afuna emitawaana,
n'azaala obulimba.
15 Asima ekinnya, n'akiwanvuya nnyo;
ate n'akigwamu ye kye yasimye.
16 Emitawaana gye gimwebunguludde;
n'obukambwe bwe bumuddire.

17 Nneebazanga MUKAMA olw'obutuukirivu bwe;
nnaayimbanga nga ntendereza erinnya lya MUKAMA Ali Waggulu Ennyo.

# Zabbuli 8

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA, Mukama waffe,
erinnya lyo nga ddungi era kkulu nnyo mu nsi yonna!

Ekitiibwa kyo kitenderezebwa
okutuuka waggulu mu ggulu.
2 Abaana abato n'abawere
wabawa amaanyi okukutendereza;
ne basirisa omulabe wo
n'oyo ayagala okwesasuza.
3 Bwe ntunuulira eggulu lyo,
omulimu gw'engalo zo,
omwezi n'emmunyeenye
bye watonda;
4 omuntu kye ki ggwe okumujjukira,
omuntu obuntu ggwe okumussaako omwoyo?

5 Kubanga wamukola n'abulako katono okuba nga Katonda;
n'omussaako engule ey'obukulu n'ekitiibwa.
6 Wamukwasa okufuga ebintu byonna bye wakola n'emikono gyo:

byonna wabissa wansi w'ebigere bye,
7 ebisibo n'amagana ag'ebisolo byonna eby'omu nsiko,
8 n'ennyonyi ez'omu bbanga,
n'ebyennyanja eby'omu nnyanja;
era na buli kiramu kyonna ekiyita mu nnyanja.

9 Ayi MUKAMA, Mukama waffe, erinnya lyo nga ddungi
era kkulu nnyo mu nsi yonna!
*

# Zabbuli 9

Ya Mukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa okujjukira Okufa kw'Omwana. Zabbuli ya Dawudi.

1 Nnaakutenderezanga, Ayi MUKAMA n'omutima gwange gwonna;
nnaayolesanga ebikolwa byo eby'ekitalo byonna.
2 Nnaasanyukanga era nnaajagulizanga mu ggwe.
Nnaayimbanga nga ntendereza erinnya lyo, Ayi MUKAMA Ali Waggulu Ennyo.

3 Abalabe bange bazzeeyo emabega,
beesittadde ne bazikiririra mu maaso go.
4 Kubanga owagidde ebiŋŋwanira, n'ensonga zange;
era otudde ku ntebe yo ey'obwakabaka n'osala omusango mu bwenkanya.
5 Waboggolera amawanga, n'ozikiriza ababi;
erinnya lyabwe n'olisangulirawo ddala emirembe n'emirembe.
6 Abalabe obamaliddewo ddala,
n'ebibuga byabwe obizikirizza,
era tewali aliddayo kubijjukira.

7 Naye MUKAMA afuga emirembe gyonna;
era ataddewo entebe ye ey'okusalirako emisango.
8 Aliramula ensi mu butuukirivu,
era alisalira abantu bonna emisango mu bwenkanya.
9 MUKAMA kye kiddukiro ky'abo abanyigirizibwa;
era kye kigo kyabwe mu biseera eby'akabi.
10 Abo abamanyi erinnya lyo, Ayi MUKAMA, banaakwesiganga;
kubanga abakunoonya tobaleka bokka.

11 Muyimbe okutendereza MUKAMA, atudde ku ntebe ey'obwakabaka mu Sayuuni;
mutegeeze amawanga gonna by'akoze.
12 Ajjukira n'awoolera eggwanga
era assaayo omwoyo eri abo abanyigirizibwa.

13 Onsaasire, Ayi MUKAMA; otunuulire abalabe bange abangigganya,
onzigye ku miryango gy'okufa.
14 Ndyoke nkutenderezenga mu lwatu

* **Zabbuli 9:** Kiyinza okuba nga Zabbuli 9 ne 10 zaali kitontome kimu, kubanga mu kukyusa okwasookera ddala ziwandiikibbwa nga Zabbuli emu

mu miryango[†] gy'omuwala wa Sayuuni:
era njagulizenga mu bulokozi bwo.

15 Abantu mu mawanga bagudde mu binnya bye baasima;
era n'emitego gyabwe gimasuse ne gibakwasa.
16 MUKAMA yeeraze nga bw'asala emisango egy'ensonga.
Omubi akwatiddwa mu mutego gw'emikono gye.
17 Ababi balisuulibwa emagombe;
ebyo bye bituuka ku mawanga gonna ageerabira Katonda.
18 Kubanga abali mu kwetaaga tebalyerabirwa ennaku zonna,
era n'ababonyaabonyezebwa tebaliggwaamu ssuubi emirembe gyonna.

19 Ogolokoke, Ayi MUKAMA, tokkiriza muntu kuwangula;
leka amawanga gasalirwe omusango mu maaso go.
20 Bakankanye n'okutya, Ayi MUKAMA;
amawanga gonna galyoke gategeere nti bantu buntu.

# Zabbuli 10

1 Lwaki otwekwese, Ayi MUKAMA?
Lwaki otwekwese mu biseera eby'emitawaana?

2 Omubi, mu malala ge, ayigganya abanafu;
muleke agwe mu nkwe ezo z'asaze.
3 Kubanga omubi yeewaana ng'anyumya ku bibi ebiri mu mutima gwe,
agabula aboomululu n'avuma MUKAMA.
4 Omubi mu malala ge
tanoonya Katonda.
5 Buli ky'akola kimugendera bulungi.
Amateeka go tagafaako,
era n'abalabe be abanyooma.
6 Ayogera mu mutima gwe nti, "Sikangibwa,
nzija kusanyuka emirembe gyonna."

7 Mu kamwa ke mujjudde okukolima n'obulimba awamu n'okutiisatiisa;
ebigambo bye bya mutawaana era bibi.
8 Yeekukuma mu byalo
okutemula abantu abataliiko musango.
Yeekweka ng'aliimisa b'anatta.
9 Asooba mu kyama ng'empologoma,
ng'alindirira okuzinduukiriza abateesobola.
Abakwasa n'abatwalira mu kitimba kye.
10 B'abonyaabonya bagwa wansi
ne babetentebwa ng'amaanyi g'omubi gabasukkiridde.
11 Ayogera mu mutima gwe nti, "Katonda yeerabidde, amaaso ge agakwese,
era takyaddayo kubiraba."

12 Golokoka, Ayi MUKAMA, ozikirize omubi, Ayi Katonda;
abanaku tobeerabiranga.

---

[†] **Zabbuli 9:14** Ensonga enkulu zonna zaateesebwangako mu mulyango gw'ekibuga.

13 Omuntu omubi ayinza atya okukunyooma, Ayi Katonda,
n'agamba mu mutima gwe nti
"Sigenda kwennyonnyolako?"
14 Naye ggwe, Ayi Katonda, ennaku zaabwe n'okubonaabona kwabwe obiraba
era ojja kubikolako.
Ateesobola yeewaayo mu mikono gyo,
kubanga gwe mubeezi w'abatalina bakitaabwe.
15 Malawo amaanyi g'omwonoonyi,
muyite abyogere ebyo
ebibadde bitajja kuzuulwa.

16 MUKAMA ye Kabaka emirembe n'emirembe.
Amawanga galizikirizibwa mu nsi ye.
17 MUKAMA awulira okwetaaga kw'ababonyaabonyezebwa, ogumye emitima gyabwe;
otege okutu kwo obaanukule.
18 Olwanirira abataliiko bakitaabwe n'abajoogebwa;
omuntu obuntu ow'oku nsi n'ataddayo kubatiisa.

# Zabbuli 11

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Mu MUKAMA mwe neekweka;
ate muyinza mutya okuŋŋamba nti,
"Ddukira ku nsozi ng'ebinyonyi?
2 Kubanga laba ababi baleega emitego gyabwe
egy'obusaale,
balase abalina omutima
omulongoofu.
3 Emisingi nga gizikirizibwa,
omutuukirivu ayinza kukola ki?"

4 MUKAMA ali mu Yeekaalu ye entukuvu;
MUKAMA atudde ku ntebe ye ey'obwakabaka eri mu ggulu.
Amaaso ge gatunuulira
era geetegereza abaana b'abantu.
5 MUKAMA akebera abatuukirivu
naye omutima gwe gukyawa ababi,
n'abakola eby'obukambwe.
6 Ababi alibayiwako
amanda ag'omuliro;
n'empewo ezibambula gwe guliba omugabo gwabwe.

7 Kubanga MUKAMA mutuukirivu
era ayagala eby'obutuukirivu;
abo abalongoofu be balimulaba.

# Zabbuli 12

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Tuyambe, Ayi MUKAMA, kubanga tewakyali n'omu amanyi Katonda;
abantu abeesigwa bonna baweddewo.
2 Buli muntu alimba munne;

akamwa kaabwe akawaana koogera bya bulimba.

3 MUKAMA, osirise akamwa k'abo bonna abeewaanawaana,
na buli lulimi olwenyumiriza;
4 nga boogera nti, "Tujja kuwangula n'olulimi lwaffe, era tufune byonna bye twetaaga n'akamwa kaffe,
kubanga ani alitukuba ku mukono."

5 MUKAMA ayogera nti, "Olw'okujoogebwa kw'abanafu,
n'olw'okusinda kw'abali mu bwetaavu,
nnaasituka kaakano
ne nnwanirira abo abalumbibwa."
6 Ebigambo bya MUKAMA bya bwesigwa era bya mazima.
Bigeraageranyizibwa n'effeeza
erongoosebbwa obulungi emirundi musanvu mu kyoto eky'ebbumba.

7 Ayi MUKAMA, tukwesiga ng'onootukuumanga,
n'otuwonya abantu abali ng'abo emirembe gyonna.
8 Ababi beeyisaayisa
nga bagulumiza ebitaliimu nsa.

# Zabbuli 13

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Olinneerabira kutuusa ddi, Ayi MUKAMA? Okutuusa emirembe gyonna?
Olikomya ddi okunkweka amaaso go?
2 Okulumwa mu mmeeme yange kulikoma ddi,
n'okunyolwa okwa buli lunaku mu mutima gwange kuliggwaamu ddi?
Abalabe bange balikomya ddi okumpangulanga nga beegulumiza?

3 Onnyanukule, Ayi MUKAMA Katonda wange;
onzizeemu amaanyi nneme okufa.
4 Si kulwa ng'omulabe wange yeewaana nti, "Mmuwangudde;"
abalabe bange ne bajaguza nga ngudde.

5 Naye nze neesiga okwagala kwo okutajjulukuka;
era omutima gwange gunaasanyukiranga mu bulokozi bwo.
6 Nnaayimbiranga MUKAMA,
kubanga ankoledde ebirungi.

# Zabbuli 14

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Omusirusiru ayogera mu mutima gwe nti,
"Tewali Katonda."
Aboogera bwe batyo boonoonefu,
bakola ebitasaana tekuli n'omu ku bo akola kirungi.

2 MUKAMA atunuulira abantu bonna mu nsi
ng'asinziira mu ggulu,
okulaba obanga mulimu mu bo ategeera,
era abanoonya Katonda.
3 Naye bonna bakyamye
boonoonese;

teri akola kirungi,
era teri n'omu.

4 Abo bonna abakola ebibi tebaliyiga?
Kubanga basaanyaawo abantu bange ng'abalya emmere;
so tebakoowoola MUKAMA.
5 Balitya nnyo!
Kubanga Katonda abeera wamu n'abatuukirivu.
6 Mulemesa entegeka z'omwavu,
songa MUKAMA kye kiddukiro kye.

7 Singa obulokozi bwa Isirayiri butuuse mu kiseera kino nga buva mu Sayuuni!
MUKAMA bw'alirokola abantu be,
Yakobo alijaguza ne Isirayiri alisanyuka.

# Zabbuli 15

Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA, ani anaabeeranga mu nnyumba yo?
Ani anaatuulanga ku lusozi lwo olutukuvu?

2 Oyo ataliiko kya kunenyezebwa,
akola eby'obutuukirivu,
era ayogera eby'amazima nga biviira ddala mu mutima gwe.
3 Olulimi lwe talwogeza bya bulimba,
era mikwano gye tagiyisa bubi,
so tasaasaanya ŋŋambo ku baliraanwa be.
4 Anyooma ababi,
naye abatya MUKAMA abassaamu ekitiibwa.
Atuukiriza ky'asuubiza
ne bwe kiba nga kimulumya.
5 Bw'awola tasaba magoba;
so takkiriza kulya nguzi ku muntu yenna.

Oyo akola ebyo
aliba munywevu emirembe gyonna.

# Zabbuli 16

Ya Dawudi.
1 Onkuume, Ayi Katonda,
kubanga ggwe buddukiro bwange.

2 Nagamba MUKAMA nti, "Ggwe Mukama wange,
ebirungi byonna bye nnina biva gy'oli."
3 Abatukuvu abali mu nsi be njagala
era mu bo mwe nsanyukira.
4 Ennaku y'abo abagoberera bakatonda abalala
yeeyongera.
Siriwaayo ssaddaaka zaabwe ez'omusaayi,*

* **Zabbuli 16:4** Ssaddaaka ez'omusaayi zaaweebwangayo mu kusinza balubaale, era yali mpisa y'abo abaasinzanga balubaale. Empisa eyo, omuwandiisi wa Zabbuli gyavumirira

wadde okusinza bakatonda baabwe.

5 MUKAMA, ggwe mugabo gwange,
era ggw'oliisa obulamu bwange; era ggw'olabirira ebyange.
6 Ensalo zange ziri mu bifo ebisanyusa,
ddala ddala omugabo omulungi.

7 Nnaatenderezanga MUKAMA kubanga annuŋŋamya
ne mu kiro ayigiriza omutima gwange.
8 Nkulembeza MUKAMA buli kiseera,
era ali ku mukono gwange ogwa ddyo,
siinyeenyezebwenga.

9 Noolwekyo omutima gwange gusanyuka, n'akamwa kange ne kajaguza;
era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu mirembe.
10 Kubanga omwoyo gwange toliguleka magombe,
wadde okukkiriza Omutukuvu wo okuvunda.
11 Olindaga ekkubo ery'obulamu;
w'oli we wanaabanga essanyu erijjuvu,
era mu mukono gwo ogwa ddyo nga mwe muli ebisanyusa emirembe gyonna.

# Zabbuli 17

Okusaba kwa Dawudi.
1 Wulira, Ayi MUKAMA, okukoowoola kwange nga nneegayirira,
wuliriza okukaaba kwange.
Tega okutu owulirize okukoowoola kwange,
kubanga tekuva ku mimwa gya bulimba.
2 Nzigyako omusango;
kubanga olaba ekituufu.

3 Weekenneenyezza omutima gwange era n'onkebera n'ekiro.
Ne bw'onongezesa toobeeko kibi ky'onsangamu;
kubanga mmaliridde obutayogeranga bya bulimba.
4 Ggwe, gwe nkoowoola,
ngoberedde ebigambo by'akamwa ko,
ne neewala
ebikolwa by'abantu abakambwe.
5 Nnyweredde mu makubo go,
era ebigere byange tebiigalekenga.

6 Nkukoowoola, Ayi Katonda, kubanga mmanyi ng'onnyanukula;
ontegere okutu kwo owulire okusaba kwange.
7 Ndaga okwagala kwo okutaggwaawo, okwewuunyisa,
ggwe alokola n'omukono gwo ogwa ddyo
abo bonna abakweyuna nga badduka abalabe baabwe.
8 Onkuume ng'emmunye ey'eriiso lyo; onkweke mu kisiikirize ky'ebiwaawaatiro byo.
9 Omponye ababi abannumba,
n'abalabe bange abanneetoolodde.

10 Omutima gwabwe mukakanyavu,

n'akamwa kaabwe koogera by'amalala.
11 Banzingizza era banneetoolodde;
bansimbye amaaso nga beeteeseteese okunsuula wansi.
12 Bali ng'empologoma enjala gy'eruma eyeeteeseteese okutaagula omuyiggo gwayo
era ng'empologoma enkulu eteeze.

13 Golokoka n'ekitala kyo, Ayi MUKAMA,
oyolekere abalabe bange obawangule, omponye ababi abo.
14 Ayi MUKAMA, mponya abantu,
abantu ab'ensi n'omukono gwo, kubanga balowooleza mu bya bulamu buno byokka, n'emigabo gyabwe giri mu nsi.

Embuto zaabwe zigezze,
obagaggawazizza ne baterekera n'abaana baabwe
ne bazzukulu baabwe.
15 Nze ndikulaba n'amaaso mu butuukirivu
era ndimatira, bwe ndiraba obwenyi bwo nga nzuukuse.

# Zabbuli 18

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi gye yayimbira MUKAMA bwe yamuwonya abalabe be ne Sawulo.
1 Nkwagala Ayi MUKAMA kubanga ggwe maanyi gange.

2 MUKAMA lwe lwazi lwange, ky'ekigo kyange ekigumu era ye mununuzi wange,
ye Katonda wange era lwe lwazi lwange mwe neekweka;
ye ngabo yange era ye mulokozi wange ow'amaanyi, era kye kigo kyange ekinywevu.
3 Nkoowoola MUKAMA asaana okutenderezebwa,
era amponya eri abalabe bange.

4 Emiguwa gy'okufa gyanneetooloola;
embuyaga ez'okusaanawo zansaanikira.
5 Ebisiba eby'amagombe byanneetooloola;
n'emitego gy'okufa ne ginjolekera.
6 Mu nnaku yange nakoowoola MUKAMA;
ne nkaabirira Katonda wange annyambe.
Yawulira eddoboozi lyange ng'ali mu yeekaalu ye;
omulanga gwange ne gutuuka mu matu ge.

7 Emisingi gy'ensi ne gikankana ne giyuuguuma;
ensozi ne zinyeenyezebwa ne ziseeseetuka,
kubanga yali asunguwadde.
8 Omukka ne gunyooka nga guva mu nnyindo ze.
Omuliro ne guva mu kamwa ke,
ne gukoleeza amanda ne gabuubuuka.
9 Yayabuluza eggulu n'akka wansi;
ebire ebikutte nga biri wansi w'ebigere bye.
10 Yeebagala kerubi n'abuuka,*

* **Zabbuli 18:10** Bakerubi batonde ba Katonda era babeera mu kitiibwa kye. Be balabirira Entebe ey'Obwakabaka ey'Obwakatonda.

n’aseeyeeyeza ku biwaawaatiro by’empewo.
11 Yafuula ekizikiza ekyamwetooloolanga
okuba enkuufiira ey’ebire ebijjudde amazzi.
12 Okumasamasa okwali mu maaso ge ne kuva mu bire bye,
n’okumyansa kw’eggulu n’omuzira.
13 MUKAMA yabwatuka ng’asinziira mu ggulu; oyo Ali Waggulu Ennyo yayogera;
mu kamwa ke ne muvaamu omuzira n’okumyansa kw’eggulu.
14 Yalasa obusaale bwe n’asaasaanya abalabe;
n’okumyansa okw’eggulu n’abawangula.
15 Ebiwonvu eby’omu nnyanja ne bibikkulwa
n’emisingi gy’ensi ne gyeyerula
olw’okunenya kwo Ayi MUKAMA
n’olw’okubwatuka kw’omukka ogw’omu nnyindo zo.

16 MUKAMA yagolola omukono gwe ng’ali waggulu,
n’ankwata n’annyinyulula mu mazzi amangi.
17 Yamponya abalabe bange ab’amaanyi,
abankyawa, abo abaali bansinza amaanyi.
18 Bannumba nga ndi mu buzibu,
naye MUKAMA n’annyamba.
19 N’antwala mu kifo ekigazi n’amponya,
kubanga yansanyukira nnyo.
20 MUKAMA ankoledde ng’obutuukirivu bwange bwe buli,
ansasudde ng’ebikolwa byange ebirungi bwe biri.
21 Kubanga ntambulidde mu makubo ga MUKAMA,
ne sikola kibi eri Katonda wange.
22 Ddala ddala amateeka ga MUKAMA gonna ngagondedde,
era ne siva ku biragiro bye.
23 Sisobyanga mu maaso ge
era nneekuuma obutayonoona.
24 Noolwekyo, MUKAMA ansasudde ng’obutuukirivu bwange bwe buli,
era ng’ebikolwa byange ebirungi bwe biri by’alaba.

25 Eri omwesigwa weeraga ng’oli mwesigwa,
n’eri atalina musango weeraga nga tolina musango.
26 Eri abalongoofu weeraga ng’oli mulongoofu,
n’eri abakyamu weeraga ng’obasinza amagezi.
27 Owonya abawombeefu,
naye abeegulumiza obakkakkanya.
28 Okoleezezza ettaala yange;
Ayi MUKAMA Katonda wange, ekizikiza kyange okimulisizza.
29 Bwe mbeera naawe nsobola okulumba abalabe bange;
nga ndi ne Katonda wange nsobola okuwalampa bbugwe.

30 Katonda byonna by’akola bigolokofu;
MUKAMA ky’asuubiza akituukiriza;
era bwe buddukiro
bw’abo bonna abamwekwekamu.
31 Kale, ani Katonda, wabula MUKAMA?
Era ani Lwazi, wabula Katonda waffe?
32 Oyo ye Katonda ampa amaanyi era aluŋŋamya ekkubo lyange.

33 Ebigere byange abinyweza ng'eby'empeewo,
n'ansobozesa okuyimirira ku ntikko z'ensozi.
34 Anjigiriza okulwana entalo,
ne nsobola n'okuleega omutego ogw'obusaale ogw'ekikomo.
35 Ompadde obulokozi bwo okuba engabo yange;
era ompaniridde n'omukono gwo ogwa ddyo;
weetoowazizza n'ongulumiza.
36 Ongaziyirizza ekkubo ebigere byange we biyita,
obukongovvule bwange ne butanuuka.

37 Nagoba abalabe bange embiro,
ne mbakwata ne sidda mabega okutuusa nga mbazikirizza.
38 Nababetenta ne batasobola na kugolokoka,
ne mbalinnyako ebigere byange.
39 Ompadde amaanyi ag'okulwana;
abalabe bange ne banvuunamira.
40 Okyusizza abalabe bange ne bankuba amabega ne badduka,
ne ndyoka nsanyaawo abo bonna abankyawa.
41 Baalaajana naye tewaali yabawonya;
ne bakaabirira MUKAMA, naye n'atabaddamu.
42 Ne mbamerengula ng'enfuufu empewo gy'efuumuula;
ne mbasammula eri ng'ebisooto by'omu luguudo.

43 Omponyezza obulumbaganyi bw'abantu;
n'onfuula omufuzi w'amawanga.
Abantu be nnali simanyi ne bafuuka abaweereza bange.
44 Olumpulira ne baŋŋondera,
bannamawanga ne bajugumira mu maaso gange.
45 Bannamawanga baggwaamu omutima
ne bava mu bigo byabwe nga bakankana.
46 MUKAMA mulamu! Atenderezebwe, Olwazi lwange;
era agulumizibwe Katonda w'obulokozi bwange.
47 Ye Katonda, asasula ku lwange abankola obubi
era akakkanya amawanga ne ngafuga.
Amponyeza abalabe bange.
48 Ayi MUKAMA, ongulumizizza okusinga abalabe bange,
n'onkuuma abakambwe ne batankwatako.
49 Noolwekyo, Ayi MUKAMA, nnaakutenderezanga mu mawanga,
era nnaayimbanga nga ntendereza erinnya lyo.
50 Awa kabaka obuwanguzi obw'amaanyi,
amulaga ebyekisa emirembe gyonna oyo gwe yafukako amafuta,
eri Dawudi n'eri ezzadde lye.

# Zabbuli 19

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Eggulu litegeeza ekitiibwa kya Katonda,
ebbanga ne litegeeza emirimu gy'emikono gye.
2 Buli lunaku litegeeza ekitiibwa kye,
era liraga amagezi ge buli kiro.
3 Tewali bigambo oba olulimi olwogerwa,
era n'eddoboozi lyabyo teriwulikika.

4 Naye obubaka bwabyo
bubunye mu nsi yonna.
Mu ggulu omwo Katonda mwe yasimbira enjuba eweema.
5 Evaayo ng'awasa omugole bw'ava mu nju ye,
era ng'omuddusi asinga bonna bw'ajjula essanyu ng'agenda mu mpaka.
6 Evaayo ku ludda olumu olw'eggulu,
ne yeetooloola okutuuka ku nkomerero yaalyo,
era tewali kyekweka bbugumu lyayo.

7 Ekiragiro kya MUKAMA kirimu byonna,
era kizzaamu amaanyi mu mwoyo.
Etteeka lya MUKAMA lyesigika,
ligeziwaza abatalina magezi.
8 Okuyigiriza kwa MUKAMA kutuufu,
kusanyusa omutima gw'oyo akugondera.
Ebiragiro bya MUKAMA bimulisiza amaaso,
bye galaba.
9 Okutya MUKAMA kirungi,
era kya mirembe gyonna.
Ebiragiro bya MUKAMA bya bwenkanya,
era bya butuukirivu ddala.
10 Ebyo byonna bisaana okuyaayaanirwa okusinga zaabu,
okusingira ddala zaabu ennungi ennyo.
Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki,
okusukkirira omubisi gw'enjuki ogutonnya nga guva mu bisenge byagwo.
11 Ebyo bye birabula omuddu wo,
era mu kubigondera muvaamu empeera ennene.
12 Ani asobola okulaba ebyonoono bye?
Onsonyiwe, Ayi MUKAMA, ebibi ebinkisiddwa.
13 Era omuddu wo omuwonye okukola ebibi ebigenderere,
bireme kunfuga.
Bwe ntyo mbeere ng'ataliiko kyakunenyezebwa
nneme okuzza omusango omunene ogw'ekibi.
14 Nsaba ebigambo by'omu kamwa kange, n'okulowooza okw'omu mutima gwange,
bisiimibwe mu maaso go,
Ayi MUKAMA, Olwazi lwange, era Omununuzi wange.

# Zabbuli 20

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 MUKAMA akwanukulenga ng'oli mu buzibu.
Erinnya lya Katonda wa Yakobo likukuumenga.
2 Akuweerezenga obuyambi obuva mu kifo kye ekitukuvu;
akudduukirirenga okuva ku lusozi Sayuuni.
3 Ajjukirenga ssaddaaka zo zonna z'omuwa,
era asiimenga ebiweebwayo byo ebyokebwa.
4 Akuwenga omutima gwo bye gwetaaga,
era atuukirizenga by'oteekateeka byonna.
5 Tulijaganya olw'obuwanguzi bwo,
ne tuwuuba ebendera zaffe mu linnya lya Katonda waffe.

MUKAMA akuwenga byonna by'omusaba.

6 Kaakano ntegedde nga MUKAMA awanguza oyo gwe yafukako amafuta,
amwanukula ng'amuwa obuwanguzi n'omukono gwe ogwa ddyo,
ng'asinziira mu ggulu lye ettukuvu.
7 Abamu beesiga amagaali, n'abalala beesiga embalaasi,
naye ffe twesiga erinnya lya MUKAMA Katonda waffe.
8 Batalantuka ne bagwa wansi ne balemerawo,
naye ffe tugolokoka ne tuyimirira nga tuli banywevu.
9 Ayi MUKAMA, lokola kabaka,
otwanukule bwe tukukoowoola.

# Zabbuli 21

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA, kabaka ajaguliza mu maanyi go.
Obuwanguzi bw'omuwadde nga bumuleetedde essanyu lingi!

2 Omuwadde omutima gwe bye gwetaaga,
era buli ky'asabye n'akamwa ke tokimummye.
3 Ddala ddala wamwaniriza n'emikisa gyo egijjudde ebirungi,
n'omutikkira engule eya zaabu omuka ennyo ku mutwe gwe.
4 Yakusaba obulamu, era n'obumuwa,
ennaku ennyingi ez'emirembe n'emirembe.
5 Obuwanguzi bwe wamuwa bumuleetedde ekitiibwa kinene.
Omuwadde ekitiibwa n'oyatiikirira.
6 Ddala omuwadde emikisa gyo egy'olubeerera,
n'omujjuza essanyu ng'oli naye buli kiseera.
7 Kubanga kabaka yeesiga MUKAMA,
era olw'okwagala okutaggwaawo okw'oyo Ali Waggulu Ennyo,
kabaka tagenda kunyeenyezebwa.

8 Omukono gwo guliwamba abalabe bo bonna;
omukono gwo ogwa ddyo gulikwata abo abakukyawa.
9 Bw'olirabika, Ayi MUKAMA,
olibasiriiza n'omuliro ng'ogw'omu kyoto ekyengeredde.
MUKAMA, ng'ajjudde obusungu, alibamira bonna,
era alibamalirawo ddala.
10 Olizikiriza ezzadde lyabwe ku nsi,
n'abaana baabwe bonna n'obamalawo mu baana b'abantu.
11 Newaakubadde nga bakusalira enkwe,
ne bateekateeka ebikolwa ebibi, kyokka tewali kye basobola kutuukiriza.
12 Balikyuka ne bakudduka bwe baliraba
ng'obaleezeemu omutego gwo ogw'obusaale.

13 Ogulumizibwenga, Ayi MUKAMA, mu maanyi go.
Tunaayimbanga nga tutendereza obuyinza bwo.

# Zabbuli 22

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Katonda wange, Katonda wange, lwaki onjabulidde?
Lwaki ogaana okunnyamba

wadde okuwuliriza okwaziirana kwange?
2 Ayi Katonda wange, emisana nkukoowoola, naye tonnyanukula;
n'ekiro bwe ntyo, naye siweerako.

3 Songa ggwe Mutukuvu atudde ku Ntebe,
era ettendo lya Isirayiri yonna.
4 Bajjajjaffe baakwesiganga;
baakwesiga naawe n'obawonya.
5 Baakukoowoolanga n'obalokola;
era baakwesiganga ne batajulirira.

6 Naye nze ndi lusiriŋŋanyi, siri muntu;
abantu bampisaamu amaaso, n'abalala bannyooma.
7 Bonna abandaba banduulira,
era banvuma nga bwe banyeenyeza omutwe nga bagamba nti,
8 "Yeesiga MUKAMA;
kale amuwonye.
Obanga MUKAMA amwagala,
kale nno amulokole!"

9 Naye ggwe wanziggya mu lubuto lwa mmange,
era wampa okukwesiga
ne mu buto bwange bwonna nga nkyayonka.
10 Olwazaalibwa ne nteekebwa mu mikono gyo;
olwava mu lubuto lwa mmange n'obeera Katonda wange.

11 Tobeera wala nange,
kubanga emitawaana ginsembereddde,
ate nga tewali mulala n'omu asobola kunnyamba.

12 Zisseddume nnyingi zinneetoolodde,
zisseddume enkambwe ez'e Basani* zinzingizizza.
13 Banjasamiza akamwa kaabwe
ng'empologoma bw'ewuluguma ng'etaagulataagula omuyiggo gwayo.
14 Ngiyiddwa ng'amazzi,
n'amagumba gange gasowose mu nnyingo zaago.
Omutima gwange guli ng'obubaane,
era gusaanuukidde mu mubiri gwange.
15 Amaanyi gampweddemu, gakaze ng'oluggyo;
n'olulimi lwange lukutte waggulu mu kibuno kyange.
Ondese awo mu nfuufu ng'omufu.

16 Abantu ababi banneetoolodde;
banneebunguludde ng'embwa ennyingi;
banfumise ne bawummula ebibatu byange n'ebigere byange.
17 Amagumba gansowose nnyinza n'okugabala.
Abalabe bange bantunuulira nga bannyoomoola.
18 Bagabana engoye zange;
era ekyambalo kyange bakikubira akalulu.

* **Zabbuli 22:12** Basani kyali kifo ekyali ku luuyi olw'obukiikakkono obw'ebuvanjuba, era kyali kimanyiddwa olw'ente zisseddume ez'amaanyi ate nga nsava.

19 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, tobeera wala nange.
Ggwe, Amaanyi gange, yanguwa okunnyamba!
20 Omponye okuttibwa n'ekitala;
obulamu bwange obw'omuwendo butaase mu maanyi g'embwa!
21 Nzigya mu kamwa k'empologoma,
omponye amayembe g'embogo enkambwe.

22 Nnaategezanga ku linnya lyo mu booluganda;
nnaakutenderezanga mu kibiina ky'abantu.
23 Mmwe abatya MUKAMA, mumutenderezenga.
Abaana ba Yakobo mwenna mumugulumizenga;
era mumussengamu ekitiibwa nga mumutya, mmwe abaana ba Isirayiri mwenna.
24 Kubanga tanyooma kwaziirana
kw'abo abali mu nnaku,
era tabeekweka,
wabula abaanukula bwe bamukoowoola.

25 Mu ggwe mwe muva ettendo lyange mu kibiina ekinene, ne nkutendereza olw'ebyo by'onkoledde.
Obweyamo bwange nnaabutuukirizanga mu maaso gaabo abakutya.
26 Abaavu banaalyanga ne bakkuta,
abo abanoonya MUKAMA banaamutenderezanga.
Emitima gyabwe ginaajaguzanga emirembe gyonna.

27 Ensi zonna zirijjukira
ne zikyukira MUKAMA,
ebika byonna eby'amawanga gonna
birimuvuunamira.
28 Kubanga obwakabaka bwonna bwa MUKAMA,
era y'afuga amawanga gonna.

29 Abagagga bonna ab'omu nsi balirya embaga, ne bamusinza.
Bonna abagenda mu nfuufu, balimufukaamirira,
abatakyali balamu.
30 Ezadde lyabwe lirimuweereza;
abaliddawo balibuulirwa ekigambo kya Mukama.
31 N'abo abatannazaalibwa
balibuulirwa obutuukirivu bwe nti,
"Ekyo yakikoze."

# Zabbuli 23

Zabbuli ya Dawudi.
1 MUKAMA ye Musumba wange, seetaagenga.
2 Angalamiza ne mpummulira mu ddundiro ly'omuddo omuto.
Antwala awali amazzi amateefu.
3 Akomyawo emmeeme yange.
Annuŋŋamya okukola eby'obutuukirivu
olw'erinnya lye.
4 Newaakubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe, siritya kabi konna;
kubanga ggwe oli nange.

Oluga lwo n’omuggo gwo
bye binsanyusa.

5 Onsosootolera emmere
abalabe bange nga balaba;
onsiize amafuta ku mutwe,*
ekikompe kyange kiyiwa.
6 Ddala ddala obulungi n’okwagala okutaggwaawo binaagendanga nange
ennaku zonna ez’obulamu bwange;
nange nnaabeeranga mu nnyumba ya MUKAMA,
ennaku zonna.

# Zabbuli 24

Zabbuli ya Dawudi.
1 Ensi ya MUKAMA n’ebigirimu byonna,
n’ensi zonna n’abo abazibeeramu.
2 Kubanga yasimba emisingi gyayo mu nnyanja,
n’agizimba ku mazzi amangi.

3 Alyambuka ku lusozi lwa MUKAMA ye afaanana atya?
Era wa ngeri ki aliyingira n’ayimirira mu nnyumba ye entukuvu?
4 Oyo alina omutima omulongoofu, nga n’emikono gye mirongoofu;
atasinza bakatonda abalala,
era atalayirira bwereere.

5 Oyo MUKAMA anaamuwanga omukisa,
n’obutuukirivu okuva eri Katonda ow’obulokozi bwe.
6 Ogwo gwe mulembe gw’abo abakunoonya,
Ayi Katonda wa Yakobo.

7 Mweggulewo, mmwe bawankaaki!
Muggulwewo, mmwe enzigi ez’edda,
Kabaka ow’ekitiibwa ayingire.
8 Kabaka ow’ekitiibwa ye ani?
Ye MUKAMA ow’amaanyi era ow’obuyinza,
omuwanguzi mu ntalo.
9 Mweggulewo, mmwe bawankaaki,
muggulwewo mmwe enzigi ez’edda!
Kabaka ow’ekitiibwa ayingire.
10 Kabaka ow’ekitiibwa oyo ye ani?
MUKAMA Ayinzabyonna;
oyo ye Kabaka ow’ekitiibwa.

# Zabbuli 25

Zabbuli ya Dawudi.
1 Eri ggwe, Ayi MUKAMA,
gye ndeeta okusaba kwange.

2 Neesiga ggwe, Ayi MUKAMA, tondeka kuswala mu maaso g’abalabe bange.
Tobaganya kumpangula.

---

* **Zabbuli 23:5** Okusiiga omuntu amafuta ku mutwe, kaali kabonero akalaga nti omugenyi ayanirizibbwa ku mukolo.

3 Ddala ddala abakwesiga tebaajulirirenga,
naye ab'enkwe baliswazibwa.

4 Njigiriza nga bwe nnaakolanga, Ayi MUKAMA,
ondage amakubo go mwe nnaatambuliranga.
5 Onjigirizenga okunywerera ku mazima go, era onkulemberenga mu byonna;
kubanga ggwe Katonda, ow'obulokozi bwange
era essuubi lyange liri mu ggwe olunaku lwonna.
6 Jjukira, Ayi MUKAMA, okusaasira kwo okunene, n'okwagala kwo okungi,
kubanga byava dda.
7 Tojjukira bibi byange
n'obujeemu bwange eby'omu buvubuka bwange.
Onzijukire, Ayi MUKAMA,
ng'okwagala kwo gye ndi bwe kuli, kubanga oli mulungi.

8 MUKAMA mulungi, era wa mazima,
noolwekyo ayigiriza aboonoonyi ekkubo lye.
9 Abawombeefu abaluŋŋamya mu kkubo ettuufu
n'abayigiriza ekkubo lye.
10 Amakubo ga MUKAMA gonna gajjudde okwagala n'amazima
eri abo abagondera endagaano ye n'ebiragiro bye.
11 Olw'erinnya lyo, Ayi MUKAMA,
onsonyiwe ebibi byange, kubanga bingi.

12 Omuntu wa ngeri ki atya Katonda?
Oyo gw'anaayigirizanga okukwata ekkubo lye yamulondera.
13 Obulamu bwe bunajjuzibwanga emikisa gya Katonda,
era bazzukulu be ensi eriba yaabwe.
14 Mikwano gya MUKAMA be bo abamugondera;
anaababikkuliranga ekyama eky'endagaano ye.
15 Ntunuulira MUKAMA buli kiseera,
kubanga yekka y'anzigya mu kabi.

16 Nkyukira, Ayi MUKAMA, onkwatirwe ekisa,
kubanga nsigadde bw'omu, era ndi munafu.
17 Obuyinike bweyongedde mu mutima gwange;
mponya okweraliikirira kwange.
18 Tunuulira ennaku endiko, weetegereze obulumi bwange;
onzigyeko ebibi byange byonna.
19 Laba abalabe bange nga bwe beeyongedde obungi
n'okunkyawa kwe bankyawamu!

20 Labiriranga obulamu bwange, obamponye;
tondekanga mu buswavu,
kubanga ggwe kiddukiro kyange.
21 Amazima n'obulongoofu bindabirirenga,
essubi lyange liri mu ggwe.

22 Nunula Isirayiri, Ayi Katonda,
omuwonye emitawaana gye gyonna.

# Zabbuli 26

Zabbuli ya Dawudi.
1 Onnejjeereze, Ayi MUKAMA,
kubanga obulamu bwange tebuliiko kya kunenyezebwa;
nneesiga ggwe, Ayi MUKAMA,
nga sibuusabuusa.
2 Neetegereza, Ayi MUKAMA, ongezese;
weekalirize ebiri mu mutima gwange ne mu mmeeme yange.
3 Kubanga okwagala kwo kwe kunkulembera,
era mu mazima go mwe ntambulira.

4 Situula na bantu balimba,
so siteesaganya na bakuusa.
5 Nkyawa ekibiina ky'aboonoonyi;
so situula na bakozi ba bibi.
6 Naaba mu ngalo zange okulaga nga bwe sirina misango;*
ne ndyoka nzija ku Kyoto kyo, Ayi MUKAMA;
7 ne nnyimba oluyimba olw'okwebaza,
olwogera ku bikolwa byo ebyewuunyisa.

8 Ennyumba yo mw'obeera njagala, Ayi MUKAMA,
kye kifo ekijjudde ekitiibwa kyo.
9 Tombalira mu boonoonyi,
wadde mu batemu,
10 abakozesa emikono gyabwe okutegeka ebikolwa ebibi,
era abali b'enguzi.
11 Naye nze ntambula nga siriiko kye nnenyezebwa;
nkwatirwa ekisa, Ayi MUKAMA, ondokole.

12 Nnyimiridde watereevu.
Nnaatenderezanga MUKAMA mu kibiina ky'abantu ekinene.

# Zabbuli 27

Zabbuli ya Dawudi.
1 MUKAMA gwe musana gwange n'obulokozi bwange;
ani gwe nnaatyanga?
MUKAMA ge maanyi ag'obulamu bwange;
ani asobola okuntiisa?

2 Abalabe bange n'abantu ababi bonna
bwe banannumba nga baagala okunzita,
baneesittala
ne bagwa.
3 Newaakubadde ng'eggye linaasiisira okunneebungulula,
omutima gwange teguutyenga;
olutalo ne bwe lunansitukirangako,
nnaabanga mugumu.

4 Ekintu kimu kye nsaba MUKAMA,
era ekyo kye nnoonya:

---

* **Zabbuli 26:6** Okunaaba mu ngalo mu lujjudde, kaali kabonero akalaga ng'omuntu oyo bw'atalina musango

okubeeranga mu nnyumba ya MUKAMA
ennaku zonna ez'obulamu bwange,
ne ndabanga obulungi bwa MUKAMA,
era ne nsinzizanga mu Yeekaalu ye.
5 Kubanga mu biseera eby'obuzibu
anansuzanga mu nju ye;
anankwekanga mu weema ye,
n'ankuumira ku lwazi olugulumivu.

6 Olwo ononnyimusanga
waggulu w'abalabe bange abanneetoolodde.
Nnaaweerangayo ssaddaaka mu weema ye nga bwe ntendereza n'eddoboozi ery'omwanguka olw'essanyu;
nnaayimbiranga MUKAMA ennyimba ez'okumutenderezanga.

7 Wulira eddoboozi lyange, Ayi MUKAMA, nga nkukoowoola;
onkwatirwe ekisa onnyanukule!
8 Omutima gwange guwulidde eddoboozi lyo nga lyogera nti, "Munnoonye, munsinze."
Omutima gwange ne guddamu nti, "Nnaakunoonyanga, Ayi MUKAMA."
9 Tonneekweka,
so tonyiigira muweereza wo,
kubanga ggw'obadde omubeezi wange bulijjo.
Tonneggyaako, so tonsuula,
Ayi Katonda, Omulokozi wange.
10 Kitange ne mmange bwe balindeka,
MUKAMA anandabiriranga.
11 Njigiriza, Ayi MUKAMA, by'oyagala nkole,
era onkulembere mu kkubo lyo,
kubanga abalabe bange banneetoolodde.
12 Tompaayo mu balabe bange,
kubanga abajulizi ab'obulimba bansitukiddeko n'enkwe zaabwe,
okunkambuwalira.

13 Nkyakakasiza ddala
nga ndiraba obulungi bwa MUKAMA
mu nsi ey'abalamu.
14 Lindirira MUKAMA.
Ddamu amaanyi, ogume omwoyo.
Weewaawo, lindirira MUKAMA.

# Zabbuli 28

Zabbuli ya Dawudi.
1 Nkukoowoola ggwe, Ayi MUKAMA, Olwazi lwange,
tolema kumpuliriza;
kubanga bw'onoonsiriikirira
nzija kuba nga bali abakkirira mu kinnya.
2 Owulire eddoboozi ery'okwegayirira kwange,
nga mpanise emikono gyange
okwolekera ekifo kyo ekisinga byonna obutukuvu,
nga nkukaabirira okunnyamba.

3 Tontwalira mu boonoonyi,

abakola ebibi;
abanyumya obulungi ne bannaabwe,
so ng'emitima gyabwe gijjudde bukyayi bwerere.
4 Basasule ng'ebikolwa byabwe bwe biri,
n'olw'ebyambyone bye bakoze.
Basasule olwa byonna emikono gyabwe gye bisobezza,
obabonereze nga bwe basaanidde.

5 Olwokubanga tebafaayo ku mirimu gya MUKAMA,
oba ku ebyo bye yakola n'emikono gye,
alibazikiririza ddala,
era talibaddiramu.

6 Atenderezebwe MUKAMA,
kubanga awulidde eddoboozi ly'okwegayirira kwange.
7 MUKAMA ge maanyi gange,
era ye ngabo yange, ye gwe neesiga.
Bwe ntyo ne nyambibwa.
Omutima gwange gunaajaguzanga, ne mmuyimbira ennyimba ez'okumwebazanga.

8 MUKAMA y'awa abantu be amaanyi,
era kye kiddukiro eky'obulokozi bw'oyo gwe yafukako amafuta.
9 Olokole abantu bo, obawe omukisa abalonde bo.
Obakulemberenga ng'omusumba, era obawanirirenga emirembe gyonna.

# Zabbuli 29

Zabbuli ya Dawudi.
1 Mutendereze MUKAMA, mmwe abaana b'ab'amaanyi.
Mutendereze MUKAMA n'ekitiibwa n'amaanyi.
2 Mutendereze MUKAMA n'ekitiibwa ekisaanira erinnya lye;
musinze MUKAMA mu kitiibwa eky'obutukuvu bwe.

3 Eddoboozi lya MUKAMA liwulirwa ku mazzi;
Katonda ow'ekitiibwa abwatuka,
n'eddoboozi lye ne liwulirwa ku mazzi amangi.
4 Eddoboozi lya MUKAMA ly'amaanyi;
eddoboozi lya MUKAMA lijjudde ekitiibwa.
5 Eddoboozi lya MUKAMA limenya emivule;
MUKAMA amenyaamenya emivule gya Lebanooni.
6 Aleetera Lebanooni okubuukabuuka ng'akayana,
ne Siriyooni* ng'ennyana y'embogo.
7 Eddoboozi lya MUKAMA
libwatukira mu kumyansa.
8 Eddoboozi lya MUKAMA likankanya eddungu;
MUKAMA akankanya eddungu lya Kadesi.
9 Eddoboozi lya MUKAMA linyoolanyoola emivule,
n'emiti mu bibira ne gitasigalako makoola.

---

* **Zabbuli 29:6** Siriyooni linnya eribbulwa mu bitundu bya Kalumooni. Kalumooni ye yali ensalo ey'omu bukiikakkono obw'ensi ensuubize

Mu Yeekaalu ye, abantu bonna boogerera waggulu nti, “Ekitiibwa kibe eri
MUKAMA!”

10 MUKAMA atuula waggulu w’amataba ku ntebe ye ey’obwakabaka.
MUKAMA ye Kabaka afuga emirembe gyonna.
11 MUKAMA awa abantu be amaanyi;
MUKAMA awa abantu be emirembe.

# Zabbuli 30

Zabbuli n’Oluyimba. Okuwaayo Yeekaalu. Zabbuli ya Dawudi.

1 Nnaakugulumizanga, Ayi MUKAMA,
kubanga wannyimusa;
n’otoganya balabe bange kunneeyagalirako.
2 Ayi MUKAMA, nakukaabirira onnyambe,
n’omponya.
3 Ayi MUKAMA, omwoyo gwange waguggya emagombe,
n’omponya ekinnya.

4 Muyimbire MUKAMA nga mumutendereza, mmwe abatukuvu be;
mutendereze erinnya lye ettukuvu.
5 Kubanga obusungu bwe bwa kiseera buseera,
naye obulungi bwe bwa mirembe gyonna.
Amaziga gayinza okubaawo ekiro kyokka
essanyu ne lijja nga bukedde.

6 Bwe namala okunywera
ne njogera nti, “Sigenda kusiguukululwa.”
7 Ayi MUKAMA, bwe wanjagala,
wanyweza olusozi lwange;
naye bwe wankweka amaaso go
ne neeraliikirira.
8 Ggwe gwe nakoowoola, Ayi MUKAMA;
ne nkukaabirira Mukama, onsaasire.
9 “Kingasa ki bwe nzika mu kinnya
ne nzikirira?
Enfuufu eneekutenderezanga
n’etegeeza abantu obwesigwa bwo?
10 Mpuliriza, Ayi MUKAMA, onsaasire;
Ayi MUKAMA, onnyambe.”

11 Ofudde okwaziirana kwange amazina;
onnyambuddemu ebibukutu, n’onnyambaza essanyu.
12 Omutima gwange gulemenga kusirika busirisi, wabula gukuyimbirenga
ennyimba ez’okukutenderezanga.
Ayi MUKAMA, Katonda wange, nnaakwebazanga emirembe gyonna.

# Zabbuli 31

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.

1 Ayi MUKAMA, ggwe kiddukiro kyange,
leka nneme kuswazibwa.
Ndokola mu butuukirivu bwo.
2 Ontegere okutu kwo

oyanguwe okunziruukirira.
Beera ekiddukiro kyange eky'olwazi
era ekigo eky'amaanyi eky'okumponya.
3 Nga bw'oli olwazi lwange era ekigo kyange;
olw'erinnya lyo onkulembebere era onnuŋŋamye.
4 Omponye mu mutego gwe banteze;
kubanga ggwe kiddukiro kyange.
5 Nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo;
ondokole, Ayi MUKAMA, Katonda ow'amazima.

6 Nkyawa abo abeesiga bakatonda abalala;
nze nneesiga MUKAMA.
7 Nnaajaguzanga ne nsanyukira mu kwagala kwo,
kubanga olabye okubonaabona kwange
era omanyi ennaku endi ku mwoyo.
8 Tompaddeeyo mu balabe bange,
naye otadde ebigere byange mu kifo ekigazi.

9 Onsaasire, Ayi MUKAMA, kubanga ndi mu nnaku nnyingi;
amaaso gange gakooye olw'ennaku;
omwoyo gwange n'omubiri gwange nabyo binafuye olw'obuyinike.
10 Obulamu bwange buweddewo olw'obunaku n'emyaka gyange
ne giggwaawo olw'okusinda.
Amaanyi gampweddemu olw'okwonoona kwange,
n'amagumba ganafuye.
11 Abalabe bange bonna bansekerera,
banneetamiddwa.
Nfuuse ekyenyinyalwa mu mikwano gyange,
n'abandaba mu kkubo banziruka.
12 Nneerabiddwa ng'eyafa edda;
nfuuse ng'ekibumbe ekyatifu.
13 Buli ludda mpulirayo obwama
nga bangeya;
bye banteesaako
nga basala olukwe okunzita.

14 Naye nneesiga ggwe, Ayi MUKAMA;
nga njogera nti, “Oli Katonda wange.”
15 Entuuko zange ziri mu mikono gyo;
ondokole mu mikono gy'abalabe bange
n'abangigganya.
16 Amaaso go ogatunuulize omuweereza wo;
ondokole n'okwagala kwo okutaggwaawo.
17 Ayi MUKAMA tondeka kuswazibwa,
kubanga nkukoowoola;
leka abo ababi baswale,
era bagalamire emagombe nga basirise.
18 Akamwa kaabwe akayogera eby'obulimba
kasirisibwe,
kubanga boogera ebitaliimu ku batuukirivu bo,
nga babyogeza amalala n'okunyooma.

19 Obulungi bwo,
bwe waterekera abo abakutya nga buyitirivu,
n'obuwa mu lwatu
abo abaddukira gy'oli.
20 Obalabirira n'obawonya enkwe z'abalabe baabwe,
n'obakuuma bulungi mu nnyumba yo,
n'ennyombo z'abantu
ne zitabatuukako.

21 MUKAMA atenderezebwenga
kubanga yandaga okwagala kwe okungi,
bwe nnali mu kibuga kye baali bazingizza.
22 Bwe natya ennyo
ne njogera nti, "Ngobeddwa mu maaso go."
Kyokka wampulira nga nkukaabirira
n'onsaasira.

23 Mwagalenga MUKAMA abatukuvu be mwenna!
MUKAMA akuuma abo abamwesiga,
naye ab'amalala ababonereza mu bujjuvu.
24 Muddeemu amaanyi mugume omwoyo
mmwe mwenna abalina essuubi mu MUKAMA.

# Zabbuli 32

Zabbuli ya Dawudi.
1 Alina omukisa oyo
asonyiyiddwa ebyonoono bye
ekibi ne kiggyibwawo.
2 Alina omukisa omuntu oyo
MUKAMA gw'atakyabalira kibi kye,
ne mu mutima gwe nga temuli bukuusa.

3 Bwe nasirikiranga ekibi kyange,
ne nkogga,
kubanga nasindanga olunaku lwonna.
4 Wambonerezanga
emisana n'ekiro,
amaanyi ne ganzigwamu
ng'amazzi bwe gakalira mu kyeya.

5 Awo ne nkwatulira ekibi kyange,
ne sibikkirira kwonoona kwange.
Ne njogera nti,
"Leka neenenyeze MUKAMA ebibi byange."
Bw'otyo n'onsonyiwa,
n'onziggyako omusango gw'ebibi byange.

6 Noolwekyo abaweereza bo bonna abeesigwa
bakwegayirire ng'okyalabika;
oluvannyuma ebizibu bwe birijja,
ng'amazzi ag'amaanyi amangi tebiribatuukako.
7 Oli kifo kyange mwe nneekweka,
ononkuumanga ne situukwako kabi

era ononneetooloozanga ennyimba ez'obulokozi.

8 Nnaakulagiranga era ne nkuyigiriza ekkubo mw'onootambuliranga;
nnaakuwanga amagezi nga bwe nkulabirira.
9 Temubeeranga ng'embalaasi
oba ennyumbu ezitategeera,
ze bateekwa okussa ekyuma mu kamwa ekisibwa ku lukoba,
ziryoke zifugibwe zijje gy'oli.
10 Ababi balaba ennaku nnyingi;
naye abeesiga MUKAMA bakuumirwa
mu kwagala kwe okutaggwaawo.

11 Musanyukire mu MUKAMA era mujaguze mmwe abatuukirivu,
era muyimbire waggulu n'essanyu mmwe abalina omutima omulongoofu.

# Zabbuli 33

Zabbuli ya Dawudi.
1 Muyimbire MUKAMA n'essanyu mmwe abatuukirivu;
kisaanira abalongoofu okumutenderezanga.
2 Mutendereze MUKAMA n'ennanga,
mumukubire ennyimba ku ntongooli ey'enkoba ekkumi.
3 Mumuyimbire oluyimba oluggya;
musune enkoba ze ntongooli n'amagezi nga bwe muyimba mu ddoboozi ery'omwanguka olw'essanyu.

4 Kubanga ekigambo kya MUKAMA kituufu era kya mazima;
mwesigwa mu buli ky'akola.
5 MUKAMA ayagala obutuukirivu n'obwenkanya.
Ensi ejjudde okwagala kwa MUKAMA okutaggwaawo.

6 MUKAMA yayogera kigambo, eggulu ne likolebwa;
n'assiza omukka mu kamwa ke eggye lyonna ery'omu ggulu ne litondebwa.
7 Yakuŋŋaanya amazzi g'ennyanja mu ntuumu,
agayanja n'agasibira mu masitoowa gaago.
8 Ensi yonna esaana etyenga MUKAMA,
n'abantu ab'omu mawanga gonna bamussengamu ekitiibwa;
9 kubanga yayogera bwogezi n'etondebwa,
n'alagira n'eyimirira nga nywevu.

10 MUKAMA asansulula enteekateeka y'amawanga;
alemesa abantu okutuukiriza bye bagenderera.
11 Naye enteekateeka za MUKAMA zibeerawo nga nywevu emirembe gyonna;
n'ebigendererwa by'omutima gwe bya lubeerera.

12 Lirina omukisa eggwanga eririna Katonda nga ye MUKAMA waalyo,
ng'abantu baalyo yabalonda babeere bantu be.
13 MUKAMA asinziira mu ggulu
n'alaba abaana b'abantu bonna;
14 asinziira mu kifo kye mw'abeera

n'alaba abantu bonna abali ku nsi.
15 Ye y'ategeka ebirowoozo byabwe bonna
ne yeetegereza byonna bye bakola.

16 Tewali kabaka asobola kuwona olw'obunene bw'eggye lye;
era tewali mulwanyi ayinza kuwona olw'amaanyi ge amangi.
17 Okusuubira embalaasi yokka okukuwanguza olutalo kuteganira bwerere;
newaakubadde erina amaanyi mangi naye tesobola kulokola.
18 Naye amaaso ga MUKAMA galabirira abo abamutya;
abalina essuubi mu kwagala kwe okutaggwaawo,
19 abawonya okufa,
era abawonya enjala.

20 Tulindirira MUKAMA nga tulina essuubi,
kubanga ye mubeezi waffe era ye ngabo yaffe.
21 Mu ye emitima gyaffe mwe gijaguliza,
kubanga twesiga erinnya lye ettukuvu.
22 Okwagala kwo okutaggwaawo kubeerenga mu ffe,
Ayi MUKAMA, ng'essuubi lyaffe bwe liri mu ggwe.

# Zabbuli 34

Ya Dawudi. Bwe yeefuula okuba omugu w'eddalu mu maaso ga Abimereki, oluvannyuma eyamugoba, era naye n'amuviira.
1 Nnaagulumizanga MUKAMA buli kiseera,
akamwa kange kanaamutenderezanga bulijjo.
2 Omwoyo gwange guneenyumiririzanga mu MUKAMA;
ababonyaabonyezebwa bawulire bajaguzenga.
3 Kale tutendereze MUKAMA,
ffenna tugulumizenga erinnya lye.

4 Nanoonya MUKAMA, n'annyanukula;
n'ammalamu okutya kwonna.
5 Abamwesiga banajjulanga essanyu,
era tebaaswalenga.
6 Omunaku ono yakoowoola MUKAMA n'amwanukula,
n'amumalako ebyali bimuteganya byonna.
7 Malayika wa MUKAMA yeebungulula abo abatya MUKAMA,
n'abawonya.

8 Mulegeeko mulabe nga MUKAMA bw'ali omulungi!
Balina omukisa abaddukira gy'ali.
9 Musseemu MUKAMA ekitiibwa mmwe abatukuvu be,
kubanga abamutya tebaajulenga.
10 Empologoma zirumwa enjala ne ziggwaamu amaanyi;
naye abo abanoonya MUKAMA, ebirungi tebiibaggwengako.
11 Mujje wano baana bange, mumpulirize;
mbayigirize okutya MUKAMA.
12 Oyagala okuwangaala mu bulamu obulungi,
okuba mu ssanyu emyaka emingi?
13 Olulimi lwo lukuumenga luleme okwogera ebitasaana,

n’akamwa ko kaleme okwogera eby’obulimba.
14 Lekeraawo okukola ebibi, okolenga ebirungi;
noonya emirembe era ogigobererenga.

15 Amaaso ga MUKAMA gatunuulira abo abatuukirivu,
n’amatu ge gawulira okukaaba kwabwe.
16 MUKAMA amaliridde okumalawo abakola ebibi,
okubasaanyizaawo ddala n’obutaddayo kujjukirwa ku nsi.

17 Abatuukirivu bakoowoola MUKAMA n’abawulira
n’abawonya mu byonna ebiba bibateganya.
18 MUKAMA abeera kumpi n’abalina emitima egimenyese, era alokola abo abalina emyoyo egyennyise.

19 Omuntu omutuukirivu ayinza n’okuba n’ebizibu bingi,
naye byonna MUKAMA abimuyisaamu.
20 Amagumba ge gonna MUKAMA agakuuma,
ne watabaawo na limu limenyeka.

21 Ekibi kiritta abakola ebibi,
n’abalabe b’abatuukirivu balibonerezebwa.
22 MUKAMA anunula abaweereza be;
so tewali n’omu ku abo abaddukira gy’ali alibonerezebwa.

# Zabbuli 35

Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA, wakanya abo abampakanya,
lwanyisa abo abannwanyisa.
2 Golokoka okwate engabo,
n’akagabo onziruukirire.
3 Galula effumu,
abangigganya obazibire ekkubo;
otegeeze omwoyo gwange nti,
“Nze bulokozi bwo.”

4 Abo bonna abannoonya okunzita bajolongebwe
era baswazibwe;
abo abateesa okunsanyaawo
bazzibweyo ennyuma babune emiwabo.
5 Babe ng’ebisusunku ebifuumuulibwa empewo,
malayika wa MUKAMA ng’abagoba.
6 Ekkubo lyabwe libe lya kizikiza era lijjule obuseerezi, ne malayika wa MUKAMA ng’abagoba.

7 Nga bwe bantega omutego nga siriiko kye mbakoze,
ne bansimira n’ekinnya mu kkubo lyange awatali nsonga,
8 bazikirizibwe nga tebategedde,
n’omutego gwe banteze be baba bagugwamu,
era bagwe ne mu kinnya kiri bazikirire.
9 Omwoyo gwange ne gulyoka gujaguliza mu MUKAMA,
ne gusanyukira mu bulokozi bwe.
10 Amagumba gange galyogera nti,

“Ani afaanana nga ggwe, Ayi MUKAMA?
Kubanga abaavu obadduukirira n’obawonya ababasinza amaanyi,
n’abali mu kwetaaga n’obawonya abanyazi.”

11 Abajulizi abakambwe bagolokoka
ne bambuuza ebintu bye sirinaako kye mmanyi.
12 Bwe mbayisa obulungi bo bampisa bubi,
ne banakuwaza omwoyo gwange.
13 So nga bwe baalwala nanakuwala ne nnyambala ebibukutu,
ne neerumya nga nsiiba, ne nsaba MUKAMA nga nkotese omutwe,
naye okusaba kwange bwe kutaddibwamu,
14 ne mbeera mu nnaku
ng’ankungubagira ow’omukwano
oba owooluganda nkoteka omutwe gwange mu buyinike
ng’akaabira nnyina.
15 Naye bwe nagwa mu kabi ne beekuŋŋaanya nga basanyuse;
ne bannumba nga simanyi,
ne bampayiriza obutata.
16 Banduulidde n’ettima ng’abatamanyi Katonda bwe bakola,
ne bannumira obujiji.
17 Ayi Mukama, olituusa ddi ng’otunula butunuzi?
Nziruukirira nga bannumba, obulamu bwange obuwonye okutaagulwataagulwa,
obulamu bwange obw’omuwendo eri empologoma zino.
18 Nnaakwebalizanga mu lukuŋŋaana olukulu,
ne nkutenderezanga mu kibiina ky’abantu abangi ennyo.
19 Tokkiriza balabe bange kunneeyagalirako,
abankyawa awatali nsonga;
abankyayira obwereere
tobakkiriza kunziimuula.
20 Teboogera bya mirembe,
wabula okuwaayiriza abantu abeetuulidde emirembe mu nsi.
21 Banjasamiza akamwa kaabwe ne boogera nti,
“Leero luno, ky’okoze tukirabye n’amaaso gaffe.”

22 Bino byonna obirabye, Ayi MUKAMA.
Noolwekyo tosirika. Tonsuulirira, Ayi Mukama.
23 Golokoka ojje onnyambe;
nnwanirira Ayi Katonda wange era Mukama wange.
24 Mu butuukirivu bwo nnejjeereza, Ayi MUKAMA Katonda wange,
tobaganya kunneeyagalirako.
25 Tobaleka kulowooza nti, “Leero luno! Kino kye twali twagala!”
Oba nti, “Tumusaanyizzaawo!”

26 Abo bonna abanneeyagalirako olw’ennaku yange ne beesanyusa,
batabulwetabulwe era baswazibwe;
abo bonna abanneegulumirizaako
baswazibwe era banyoomebwe.
27 Abo abasanyuka ng’annejjeereza,
baleekaanire waggulu olw’essanyu n’okujaganya;
era boogerenga nti, “MUKAMA agulumizibwe,
asanyuka omuweereza we ng’atebenkedde.”

28 Olulimi lwange lunaayogeranga ku butuukirivu bwo,
era nnaakutenderezanga olunaku lwonna.

# Zabbuli 36

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.

1 Nnina obubaka mu mutima gwange
obukwata ku bwonoonyi bw'omukozi w'ebibi.
N'okutya
tatya Katonda.

2 Ye nga bw'alaba yeewaanawaana n'atasobola kutegeera
oba okukyawa ekibi kye.
3 Ebigambo ebiva mu kamwa ke biba bibi era nga bya bulimba;
takyalina magezi era takyakola birungi.
4 Ne ku kitanda kye afumiitiriza ebibi by'anaakola;
amalirira okutambuliranga mu kkubo ekyamu,
era ebitali bituufu tabyewala.

5 Okwagala kwo, Ayi MUKAMA, kutuuka ne ku ggulu;
obwesigwa bwo butuuka ku bire.
6 Obutuukirivu bwo bugulumivu ng'agasozi aganene,
n'obwenkanya bwo buwanvu nnyo ng'ennyanja ennene ennyo.
Ayi MUKAMA, olabirira abantu n'ebisolo.
7 Okwagala kwo okutaggwaawo nga tekugeraageranyizika.
Ab'ebitiibwa n'abatali ba bitiibwa
baddukira mu biwaawaatiro byo.
8 Balya ku bingi eby'omu nnyumba yo ne bakkuta;
obawa ebyokunywa by'omugga gwo ogwesiimisa.
9 Kubanga gw'olina ensulo ey'obulamu,
era gw'otwakiza omusana.

10 Yongeranga okwagala abo abakutegeera,
era n'obutuukirivu bwo eri abo abalina emitima emirongoofu.
11 Ab'amalala baleme okunninnyirira,
wadde ababi okunsindiikiriza.
12 Laba, ababi nga bwe bagudde!
Basuuliddwa wansi era tebasobola na ku golokokawo.

# Zabbuli 37

Zabbuli ya Dawudi.

1 Teweeraliikiriranga olw'abantu ababi,
so tokwatirwanga buggya abo abakola ebitasaana.
2 Kubanga bagenda kuwotoka ng'omuddo,
bafiire ddala ng'essubi ekkalu.

3 Weesigenga MUKAMA okolenga bulungi,
onoobeeranga n'emirembe mu nsi n'ofuna ebirungi.
4 Sanyukiranga mu MUKAMA,
anaakuwanga omutima gwo bye gwetaaga.

5 By'okola byonna byesigamyenga ku MUKAMA;

mwesigenga, anaakukoleranga ky'oyagala.
6 Anaayolekanga obutuukirivu bwo ng'omusana,
n'obwenkanya bw'ebikolwa byo ne bwakaayakana ng'enjuba ey'omu ttuntu.

7 Siriikirira awali MUKAMA,
ogumiikirize ng'olindirira ky'anaakola.
Tofangayo ng'abalala bafunye ebirungi nga bayita mu kutetenkanya kwabwe okubi.

8 Tonyiiganga era weewale ekiruyi;
teweeraliikiriranga kubanga bivaamu bibi byereere.
9 Kubanga ababi balisalibwako,
naye abeesiga MUKAMA baligabana ensi.

10 Wanaayitawo akabanga katono ababi baggweerewo ddala;
wadde mulibanoonya temulibalabako.
11 Naye abateefu baligabana ensi
ne beeyagalira mu ddembe eritatendeka.

12 Ababi basalira abatuukirivu enkwe,
ne babalumira obujiji.
13 Naye Mukama asekerera ababi,
kubanga amanyi ng'entuuko zaabwe ziri kumpi.

14 Ababi basowoddeyo ebitala byabwe
ne baleega emitego gy'obusaale,
batte abaavu n'abali mu kwetaaga
era basaanyeewo abo abatambulira mu kkubo eggolokofu.
15 Naye ebitala byabwe birifumita mitima gyabwe gyennyini,
n'emitego gyabwe egy'obusaale girimenyebwa.

16 Ebitono omutuukirivu by'alina
bisinga obugagga bw'ababi abangi;
17 kubanga amaanyi g'abakola ebibi galikoma,
naye MUKAMA anaawaniriranga abatuukirivu.

18 Ennaku z'abataliiko kya kunenyezebwa, zimanyibwa MUKAMA,
era omugabo gwabwe gunaabanga gwa lubeerera.
19 Mu biseera eby'akabi ebyakatyabaga tebaayongoberenga,
ne mu biro eby'enjala banakkusibwanga.

20 Naye ababi balizikirira;
abalabe ba MUKAMA balifaanana ng'obulungi bwe ttale,
era baliggwaawo, baliggwaawo ng'omukka.

21 Ababi beewola, ne batasasula;
naye abatuukirivu basaasira era bagaba bingi.
22 Abo MUKAMA b'awa omukisa baligabana ensi,
naye abo b'akolimira balizikirizibwa.

23 MUKAMA bw'asanyukira ekkubo ly'omuntu,

aluŋŋamya entambula ye.
24 Ne bw'aneesittalanga, taagwenga wansi,
kubanga omukono gwa MUKAMA gumuwanirira.

25 Nnali muto kati nkaddiye,
naye sirabanga batuukirivu nga balekeddwa ttayo,
wadde abaana baabwe nga basabiriza ekyokulya.
26 Bagaba bingi bulijjo, era baazika ku byabwe n'essanyu.
Abaana baabwe banaaweebwanga omukisa.

27 Muve mu bibi, mukolenga ebirungi,
munaabanga balamu emirembe gyonna.
28 Kubanga MUKAMA ayagala ab'amazima,
n'abeesigwa be taabaabulirenga.
Banaalabirirwanga emirembe gyonna;
naye ezzadde ly'ababi lirizikirizibwa.
29 Abatuukirivu baligabana ensi
ne babeeranga omwo emirembe gyonna.

30 Akamwa k'omutuukirivu koogera bya magezi,
n'olulimi lwe lwogera bya mazima.
31 Amateeka ga Katonda we gali mu mutima gwe,
era ebigere bye tebiseerera.

32 Omubi ateega omutuukirivu
ng'anoonya okumutta,
33 naye MUKAMA taliganya babi kuwangula,
wadde okukkiriza abatuukirivu okusingibwa omusango.

34 Lindirira MUKAMA n'okugumiikiriza,
otambulirenga mu makubo ge;
naye alikugulumiza n'akuwa ensi;
ababi bwe balisalirwako olikitegeera.

35 Nalaba omuntu omubi era omukambwe ennyo, naye nga buli ky'akola kimugendera bulungi,
ng'agimuse ng'omuti ogukulidde mu ttaka eggimu,
36 naye teyalwawo n'abula,
ne mmumagamaga buli wantu, nga talabikako.

37 Tunuulira omuntu ataliiko kya kunenyezebwa, wekkaanye oyo omulongoofu;
obulamu bwe bunajjulanga emirembe.
38 Naye aboonoonyi bonna balizikirizibwa;
ezzadde ly'ababi lirisaanyizibwawo.

39 Obulokozi bw'abatuukirivu buva eri MUKAMA;
ye ky'ekigo kyabwe ekinywevu gye baddukira mu kiseera eky'emitawaana.
40 MUKAMA abayamba n'abalokola;
abaggya mu mikono gy'ababi n'abalokola,
kubanga gy'ali gye baddukira.

# Zabbuli 38

Zabbuli ya Dawudi, ey’okujjukiza.

1 Ayi MUKAMA tonnenya ng’okyaliko obusungu,
oba okunkangavvula ng’oliko ekiruyi.
2 Kubanga obusaale bwo bunfumise,
n’omuggo gwo gunkubye nnyo.
3 Obusungu bwo bundwazizza nzenna,
n’amagumba gange gonna gansagala olw’ebyonoono byange.
4 Omusango gwe nzizizza guyitiridde,
gunzitoowerera ng’omugugu omunene oguteetikkika.

5 Ebiwundu byange bitanye era biwunya,
olw’okwonoona kwange okw’obusirusiru.
6 Nkootakoota era mpweddemu ensa,
ŋŋenda nsinda obudde okuziba.
7 Omugongo gunnuma nnyo,
ne mu mubiri gwange temukyali bulamu.
8 Sikyalimu maanyi era nzenna mmenyesemenyese;
nsinda buli bbanga olw’obulumi mu mutima.

9 Mukama, bye neetaaga byonna obimanyi,
n’okusinda kwange okuwulira.
10 Omutima gumpejjawejja, amaanyi gampweddemu;
n’okulaba sikyalaba.
11 Mikwano gyange ne be nayitanga nabo banneewala olw’amabwa gange;
ne bannange tebakyansemberera.
12 Abaagala okunzita bantega emitego,
n’abo abangigganya bateesa okummalawo.
Buli bbanga baba bateesa kunkola kabi.

13 Ndi ng’omuggavu w’amatu, atawulira;
nga kiggala, atayogera.
14 Nfuuse ng’omuntu atalina ky’awulira,
atasobola kwanukula.
15 Ddala ddala nnindirira ggwe, Ayi MUKAMA,
onnyanukule, Ayi Mukama Katonda wange.
16 Tobakkiriza kunneeyagalirako,
oba okunneegulumirizaako ng’ekigere kyange kiseeredde.

17 Kubanga nsemberedde okugwa,
era nga nnumwa buli kiseera.
18 Ddala ddala njatula ebyonoono byange;
nnumirizibwa ekibi kyange.
19 Abalabe bange bangi era ba maanyi;
n’abo abankyayira obwereere bangi nnyo.
20 Abalabe bange bankyawa olw’okuba omulongoofu,
era bwe nkola ebirungi banjogerako ebitasaana.

21 Ayi MUKAMA, tonjabulira;
tobeera wala nange, Ayi Katonda wange.
22 Ayi Mukama Omulokozi wange,

yanguwa okumbeera.

# Zabbuli 39

Ya Mukulu wa Bayimbi: Ya Yedusuni. Zabbuli ya Dawudi.

1 Nagamba nti, “Nneekuumanga mu bye nkola,
n’olulimi lwange lulemenga okwogera ebitali birongoofu.
Abakola ebitali bya butuukirivu bwe banaabanga awamu nange
nnaabuniranga bubunizi ne soogera.”
2 Naye bwe nasirika
ne sibaako kye njogedde wadde ekirungi,
ate obuyinike bwange ne bweyongera.
3 Omutima gwange ne gumbabuukirira munda yange.
Bwe nnali nkyakifumiitirizaako, omuliro ne gukoleera munda yange;
kyenava njogera nti:

4 “Ayi Mukama, ntegeeza entuuko zange nga bwe ziriba,
n’ennaku ze nsigazza;
ommanyise ebiseera byange mu bulamu buno bwe biri ebimpi ennyo.”
5 Ennaku z’obulamu bwange wazitegeka ziri ng’oluta.
Obungi bw’emyaka gyange tobulabamu kantu.
Buli muntu, mukka bukka.

6 Ddala ddala omuntu ku nsi ali ng’ekisiikirize.
Atawaana mu kino ne mu kiri, naye byonna butaliimu.
Akuŋŋaanya obugagga, so nga tamanyi agenda kubutwala.

7 Naye kaakano, Ayi Mukama, nnoonya ki? Essuubi lyange liri mu ggwe.
8 Ondokole mu bibi byange byonna,
abasirusiru baleme okunsekerera.
9 Nasirika busirisi, saayasamya kamwa kange;
kubanga kino ggwe wakikola.
10 Olekere awo okunkuba,
emiggo gy’onkubye giyitiridde!
11 Onenya omuntu ng’omukangavvula olw’ekibi kye ky’akola,
omumaliramu ddala ensa, ng’ennyenje bw’ekola olugoye.
Ddala omuntu mukka bukka.

12 Ayi Mukama, wulira okusaba kwange,
owulire okukaaba kwange onnyambe.
Tonsiriikirira nga nkukaabirira.
Kubanga ndi mugenyi bugenyi, omutambuze,
nga bajjajjange bonna bwe baali.
13 Ndeka nsanyukemu, nga sinnava mu nsi muno,
ne mbulirawo ddala.

# Zabbuli 40

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.

1 Nalindirira Mukama n’obugumiikiriza,
n’antegera okutu, n’awulira okukoowoola kwange,
2 n’anziggya mu kinnya eky’entiisa,
n’annyinyulula mu bitosi,

n'anteeka ku lwazi olugumu
kwe nyimiridde.
3 Anjigirizza oluyimba oluggya,
oluyimba olw'okutenderezanga Katonda waffe.
Bangi bino balibiraba ne batandika okutya MUKAMA
n'okumwesiganga.

4 Balina omukisa
abo abeesiga MUKAMA,
abatagoberera ba malala
abasinza bakatonda ab'obulimba.
5 Ayi MUKAMA Katonda wange,
otukoledde eby'ewunyisa bingi.
Ebintu by'otuteekeddeteekedde
tewali ayinza kubikutegeeza.
Singa ngezaako okubittottola,
sisobola kubimalayo byonna olw'obungi bwabyo.

6 Ssaddaaka n'ebiweebwayo tewabyagala.
Ebiweebwayo ebyokebwa olw'okutangirira ebibi,
tobyetaaga.
Naye onzigudde amatu.
7 Kyenava njogera nti, "Nzuuno,
nzize nga bwe kyampandiikibwako mu muzingo gw'ekitabo."
8 Nsanyukira okukola ky'oyagala, Ayi Katonda wange,
kubanga amateeka go gali mu mutima gwange.

9 Ntegeeza obutuukirivu mu lukuŋŋaana olunene.
Sisirika busirisi,
nga naawe bw'omanyi, Ayi MUKAMA.
10 Bye mmanyi ku butuukirivu bwo sisirika nabyo mu mutima gwange,
naye ntegeeza ku bwesigwa bwo n'obulokozi bwo.
Abantu nga bakuŋŋaanye,
sirema kubategeeza ku mazima go n'okwagala kwo okungi.

11 Onsasirenga bulijjo, Ayi MUKAMA,
amazima n'okwagala kwo byeyongerenga okunkuuma.
12 Kubanga ebizibu bye siyinza na kubala binneetoolodde;
ebibi byange binsukiridde, sikyasobola na kulaba;
bisinga enviiri ez'oku mutwe gwange obungi,
mpweddemu amaanyi.
13 Onsasire ayi MUKAMA ondokole;
Ayi MUKAMA, oyanguwe okumbeera.

14 Abo abaagala okunzita batabuketabuke baswale;
n'abo bonna abagenderera okummalawo bagobebwe nga baswadde.
15 Abo abankubira akasonso baswazibwe nnyo.
16 Naye abo abakunoonya basanyuke
era bajaguze;
abo abaagala obulokozi bwo boogerenga bulijjo nti,
"MUKAMA agulumizibwenga."

17 Ndi mwavu, eyeetaaga ennyo.
Mukama ondowoozeeko.
Tolwawo, Ayi Katonda wange.
Ggwe mubeezi wange era Omulokozi wange.

# Zabbuli 41

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.

1 Alina omukisa asaasira omunaku;
MUKAMA amulokola ku lunaku olw'akabi.
2 MUKAMA anaamukuumanga anaawonyanga obulamu bwe,
era anaamuwanga omukisa mu nsi;
n'atamuwaayo eri okwegomba kw'abalabe be.
3 MUKAMA anaamujjanjabanga nga mulwadde;
n'amuwonya mu bulumi.

4 Nayogera nti, "Ayi MUKAMA onsaasire omponye; kubanga nnyonoonye mu maaso go."
5 Abalabe bange boogeza obukyayi nti,
"Alifa ddi n'okwerabirwa ne yeerabirwa?"
6 Bwe bajja okundaba beefuula mikwano gyange;
naye munda yaabwe bankyawa era basanyuka okulaba nga ngalamidde awo nnumwa.
Bwe bansiibula bagenda beesekera nga bwe baduula.

7 Abalabe bange bonna abo bateesa mu kaama;
nga banjogerako ebitali birungi.
8 Boogera nti, "Endwadde emukutte mbi nnyo,
emukubye wansi tayinza kuwona."
9 Era ne mukwano gwange gwe neesiganga
bwe twalyanga,
anneefuukidde.

10 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, onsaasire,
onzizeemu amaanyi ndyoke nneesasuze.
11 Mmanyi ng'onsanyukira,
kubanga omulabe wange tampangudde.
12 Onnywezezza mu bwesimbu bwange,
ne mbeera mu maaso go ennaku zonna.

13 Atenderezebwenga MUKAMA Katonda wa Isirayiri,
oyo eyabaawo okuva edda n'edda lyonna n'okutuusa emirembe gyonna.
Amiina era Amiina.

## EKITABO II

# 42

*Zabbuli 42–72*
*

Ya Mukulu wa Bayimbi: Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Ng'empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi,

---

* **Zabbuli 42:** Mu byawandiikibwa Ebyebbulaniya zabbuli eyo eri emu ne Zabbuli 43

n'emmeeme yange bw'etyo bwe wejjawejja ku lulwo, Ayi Katonda.
2 Emmeeme yange eyaayaanira Katonda, Katonda omulamu.
Ndigenda ddi ne nsisinkana Katonda?
3 Nkaabirira MUKAMA
emisana n'ekiro.
Amaziga gange gabadde emmere yange emisana n'ekiro,
abantu ne baŋŋamba nti, "Katonda wo ali ludda wa?"
4 Bino mbijjukira nga nfuka emmeeme yange
nga bwe nagendanga n'ekibiina ekinene,
ne nkulembera ennyiriri z'abantu empanvu,
nga tugenda mu nnyumba ya Katonda,
nga tuyimba mu ddoboozi ery'omwanguka
n'okwebaza mu kibiina ekijaguza.

5 Lwaki oweddemu amaanyi ggwe emmeeme yange?
Lwaki otabusetabuse mu nda yange?
Essuubi lyo liteeke mu Katonda,
kubanga natenderezanga omulokozi wange era Katonda wange;
ye mubeezi wange.

6 Ayi Katonda wange, emmeeme yange yennyise,
yeeraliikiridde;
naye nkujjukira olw'ebyo bye wakola mu nsi ya Yoludaani
ne ku nsozi engulumivu eza Kalumooni† ne ku Lusozi Mizali.
7 Obuziba bukoowoola obuziba,
olw'okuwuluguma kw'ebiyiriro
amayengo n'amasingisira go
bimpiseeko.

8 MUKAMA alaga okwagala kwe emisana n'ekiro
ne muyimbira oluyimba lwe;
y'essaala eri Katonda w'obulamu bwange.

9 Ŋŋamba Katonda, olwazi lwange nti,
"Lwaki onneerabidde?
Lwaki ŋŋenda nkungubaga
olw'okujoogebwa abalabe bange?"
10 Mbonyaabonyezebwa ng'abalabe bange
bancocca,
nga bwe bagamba buli kiseera nti,
"Katonda wo ali ludda wa?"

11 Lwaki wennyise Ayi ggwe emmeeme yange?
Lwaki otabusetabuse mu nda yange?
Weesigenga Katonda,
kubanga nnaamutenderezanga,
Omulokozi wange era ye Katonda wange.

# Zabbuli 43

1 Ayi Katonda, onnejjeereze
omponye eggwanga eritatya Katonda

† **Zabbuli 42:6** Kalumooni ye yali ensalo ey'omu bukiikakkono ey'ensi ensuubize

ondokole mu mikono gy'abantu abalimba, abakola ebibi.
2 Ddala ddala ggwe Katonda, ekigo kyange eky'amaanyi.
Lwaki ondese?
Lwaki ŋŋenda nkaaba
nga nnyigirizibwa omulabe?
3 Kale tuma omusana gwo n'amazima
binnuŋŋamye;
bindeete ku lusozi lwo olutukuvu,
mu kifo mw'obeera.
4 Ne ndyoka ndaga ku kyoto kya Katonda,
eri Katonda wange era essanyu lyange eritasingika.
Weewaawo nnaakutenderezanga n'ennanga,
Ayi Katonda, Katonda wange.

5 Lwaki wennyise ggwe emmeeme yange?
Lwaki otabusetabuse munda yange?
Weesige Katonda; kubanga nnaamutenderezanga,
Omulokozi wange era Katonda wange.

# Zabbuli 44

Ya mukulu wa bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Ayi Katonda, twawulira n'amatu gaffe,
bajjajjaffe baatubuulira,
ebyo bye wakola mu biro byabwe,
mu nnaku ez'edda ezaayita.
2 Nga bwe wagoba amawanga mu nsi
n'ogiwa bajjajjaffe,
wasaanyaawo amawanga
n'okulaakulanya bajjajjaffe.
3 Ekitala kyabwe si kye kyabaleetera okuwangula ensi,
n'omukono gwabwe si gwe gwabalokola;
wabula baawangula n'omukono gwo ogwa ddyo
awamu n'obulungi bwo, kubanga wabaagala.

4 Ggwe oli Kabaka wange, era Katonda wange;
awa Yakobo obuwanguzi.
5 Ku lulwo tunaawangulanga abalabe baffe;
ku lw'erinnya lyo tunaalinnyiriranga abalabe baffe.
6 Ddala ddala omutego gwange ogw'obusaale si gwe neesiga,
n'ekitala kyange si kye kimpa obuwanguzi.
7 Wabula ggwe otulokola mu balabe baffe,
n'oswaza abo abatuyigganya.
8 Twenyumiririza mu Katonda olunaku lwonna.
Era tunaatenderezanga erinnya lyo emirembe gyonna.

9 Naye kaakano otusudde ne tuswala;
era tokyatabaala na magye gaffe.
10 Watuzza emabega okuva mu bifo mwe twali ng'abalabe baffe balaba,
abatuyigganya ne batunyaga.
11 Watuwaayo okuliibwa ng'endiga;
n'otusaasaanya mu mawanga.
12 Watunda abantu bo omuwendo mutono nnyo,

n’otobaako ky’oganyulwa.

13 Watufuula ekivume eri baliraanwa baffe,
ekinyoomebwa era ekisekererwa abo abatwetoolodde.
14 Otufudde ekinyoomebwa mu mawanga gonna;
era abantu banyeenya emitwe gyabwe.
15 Nswazibwa obudde okuziba,
amaaso gange ne gajjula ensonyi,
16 olw’abo abangigganya, abanvuma nga tebandabamu ka buntu,
olw’omulabe amaliridde okuwoolera eggwanga.

17 Ebyo byonna bitutuseeko,
newaakubadde nga tetukwerabidde,
wadde obutagondera ndagaano yo.
18 Omutima gwaffe tegukuvuddeeko,
so tetugaanyi kutambulira mu kkubo lyo.
19 Naye ggwe otubonerezza n’otulekera emisege,
n’otuleka mu kizikiza ekikutte.

20 Ddala singa twerabira erinnya lya Katonda waffe,
ne tusinza katonda omulala,
21 ekyo Katonda waffe teyandikizudde?
Kubanga ye amanyi n’ebikisibwa mu mutima.
22 Katonda waffe, tetukuvuddeeko, kubanga ku lulwo tuttibwa obudde okuziba,
era tuli ng’endiga ez’okusalibwa.

23 Golokoka Ayi Mukama, lwaki weebase?
Zuukuka! Totusuula Ayi Mukama!
24 Lwaki otwekwese?
Lwaki tofaayo ku kulumwa kwaffe n’okujoogebwa?

25 Ddala ddala tusuuliddwa mu nfuufu;
tuli ku ttaka.
26 Golokoka otuyambe;
tulokole olw’okwagala kwo okutaggwaawo.

# Zabbuli 45

Ya Mukulu wa Bayimbi. Oluyimba “olw’Amalanga.” Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Omutima gwange gujjudde ebigambo ebirungi
nga nnyimba oluyimba lwa Kabaka.
Olulimi lwange kkalaamu y’omuwandiisi omukugu.

2 Ggw’osinga abaana b’abantu obulungi;
n’akamwa ko nga kafukiddwako amafuta ag’ekisa.
Kubanga Katonda akuwadde omukisa emirembe gyonna.

3 Weesibe ekitala kyo, Ayi ggwe ow’amaanyi,
yambala ekitiibwa kyo n’obukulu bwo!
4 Weebagale embalaasi yo mu kitiibwa kyo eky’obuwanguzi,
ng’olwanirira amazima, obuwombeefu, n’obutuukirivu.

Omukono gwo ogwa ddyo gukole ebyewuunyisa.
5 Obusaale bwo obwogi bufumite emitima gy'abalabe ba kabaka;
afuge amawanga.
6 Entebe yo ey'obwakabaka, Ayi Katonda, ya lubeerera;
n'omuggo ogw'obwenkanya gwe guliba ogw'obwakabaka bwo.
7 Oyagala obutuukirivu n'okyawa okukola ebibi;
noolwekyo Katonda, Katonda wo, kyavudde akugulumiza
n'akufukako amafuta ag'essanyu okusinga bakabaka banno bonna.
8 Ebyambalo byo birina akawoowo ka mmooli ne alowe, ne kasiya.
Ebivuga eby'enkoba bikusanyusiza
mu mbiri zo ez'amasanga.
9 Mu bakyala bo mulimu abambejja;
namasole ali ku mukono gwo ogwa ddyo ng'ayambadde ebya zaabu ya Ofiri.

10 Muwala, wuliriza bye nkugamba:
"Weerabire ab'ewammwe n'ab'omu nnyumba ya kitaawo.
11 Kabaka akulowoozaako nnyo, kubanga walungiwa n'oyitirira;
nga bw'ali mukama wo, muwenga ekitiibwa."
12 Muwala w'e Ttuulo* alijja n'ekirabo,
abasajja abagagga balikwegayirira obalage ekisa kyo.
13 Omuwala wa kabaka ajjudde ekitiibwa mu kisenge kye,
ng'ayambadde ekyambalo ekyalukibwa ne zaabu.
14 Aleetebwa mu maaso ga kabaka ng'ayambadde ebyambalo eby'emidalizo emingi.
Emperekeze ze zimuwerekerako;
bonna ne bajja gy'oli.
15 Baleetebwa nga bajjudde essanyu n'okweyagala,
ne bayingira mu lubiri lwa kabaka.

16 Batabani bo baliweebwa ebifo bya bajjajjaabwe,
olibafuula ng'abalangira mu nsi omwo.
17 Erinnya lyo linajjukirwanga emirembe gyonna.
Amawanga kyeganaavanga gakutendereza emirembe n'emirembe.

# Zabbuli 46

Ya Mukulu wa Bayimbi: Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Katonda kye kiddukiro kyaffe, era ge maanyi gaffe;
omubeezi ddala atabulawo mu kulaba ennaku.
2 Kyetunaavanga tulema okutya, ensi ne bw'eneeyuuguumanga,
ensozi ne bwe zinaasiguulukukanga ne zigwa mu buziba bw'ennyanja;
3 amazzi g'ennyanja ne bwe ganaayiranga ne gabimba ejjovu
ensozi ne zikankana olw'okwetabula kwago.

4 Waliwo omugga, emyala gyagwo gisanyusa ekibuga kya Katonda,
kye kifo ekitukuvu ekya Katonda Ali Waggulu Ennyo.

* **Zabbuli 45:12** Kabaka w'e Tuulo ye kabaka eyasooka okukkiriza enju ya Dawudi okulya entebe ey'obwakabaka bwa Isirayiri. Sulemaani yasigaza omukwano ogwo ne kabaka w'e Tuulo, era Tuulo kyali kibuga ky'aby'amaguzi kikulu ku Nnyanja Ennene eya Meditereniyaani.

5 Tekirigwa kubanga Katonda mw'abeera.
Katonda anaakirwaniriranga ng'obudde bunaatera okukya.
6 Amawanga geetabula, obwakabaka bugwa;
ayimusa eddoboozi lye ensi n'esaanuuka.

7 MUKAMA ow'Eggye ali naffe,
Katonda wa Yakobo kye kigo kyaffe.

8 Mujje, mulabe MUKAMA by'akola,
mulabe nga bw'afaafaaganya ensi.
9 Y'akomya entalo mu nsi yonna;
akutula emitego gy'obusaale, effumu alimenyaamenya;
amagaali n'engabo abyokya omuliro.
10 Musiriikirire mutegeere nga nze Katonda.
Nnaagulumizibwanga mu mawanga.
Nnaagulumizibwanga mu nsi.

11 Katonda ow'Eggye ali naffe;
Katonda wa Yakobo kye kigo kyaffe.

# Zabbuli 47

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.

1 Mukube mu ngalo mmwe amawanga gonna;
muyimuse amaloboozi muyimbire nnyo Katonda ennyimba ez'essanyu;
2 MUKAMA Ali Waggulu Ennyo wa ntiisa.
Ye Kabaka afuga ensi yonna.
3 Yatujeemululira abantu,
n'atujeemululira amawanga ne tugafuga.
4 Yatulondera omugabo gwaffe,
Yakobo gw'ayagala mwe yeenyumiririza.

5 Katonda alinnye waggulu ng'atenderezebwa mu maloboozi ag'essanyu eringi.
MUKAMA alinnye nga n'amakondeere gamuvugira.
6 Mutendereze Katonda, mumutendereze.
Mumutendereze Kabaka waffe, mumutendereze.*
7 Kubanga Katonda ye Kabaka w'ensi yonna,
mumutendereze ne Zabbuli ey'ettendo.

8 Katonda afuga amawanga gonna;
afuga amawanga ng'atudde ku ntebe ye entukuvu.
9 Abakungu bannaggwanga bakuŋŋanye
ng'abantu ba Katonda wa Ibulayimu;
kubanga Katonda y'afuga abakulembeze b'ensi.
Katonda agulumizibwenga nnyo.

* **Zabbuli 47:6** Okutenderezebwa kwakolebwanga ne Siyofa, ejjembe eryafuuyibwanga okulangirira Omwaka Omuggya

# Zabbuli 48

Oluyimba. Zabbuli ya Batabani ba Koola.

1 MUKAMA mukulu, asaanira okutenderezebwa ennyo
mu kibuga kya Katonda waffe, ku lusozi lwe olutukuvu.

2 Sayuuni lwe lusozi lwe olulungi olugulumivu,
olusanyusa ensi yonna.
Ku ntikko Zafoni kwe kuli
ekibuga kya Kabaka Omukulu;
3 Katonda mw'abeera;
yeeraze okuba ekigo kye.

4 Kale laba, bakabaka b'ensi baakuŋŋaana
ne bakyolekera bakirumbe;
5 bwe baakituukako ne bakyewuunya,
ne batya nnyo ne badduka;
6 nga bakankana,
ne bajjula obulumi ng'omukazi alumwa okuzaala.
7 Wabazikiriza ng'omuyaga ogw'ebuvanjuba
bwe guzikiriza ebyombo by'e Talusiisi.

8 Ebyo bye twawuliranga obuwulizi,
kaakano tubirabye
mu kibuga kya MUKAMA ow'Eggye,
mu kibuga kya Katonda waffe,
kyalinywereza ddala emirembe gyonna.

9 Ayi Katonda, tufumiitiriza ku kwagala kwo okutaggwaawo
nga tuli mu Yeekaalu yo.
10 Erinnya lyo nga bwe liri ekkulu, Ayi Katonda,
bw'otyo bw'otenderezebwa mu nsi yonna.
Omukono gwo ogwa ddyo gujjudde obuwanguzi.
11 Sanyuka gwe Sayuuni,
musanyuke mmwe ebibuga bya Yuda;
kubanga Katonda alamula bya nsonga.

12 Mutambule mu Sayuuni, mukibune;
mubale n'ebigo byakyo.
13 Mwekalirize nnyo munda wa bbugwe waakyo
n'olusiisira lw'amaggye lwamu lwonna;
mulyoke mutegeeze ab'emirembe egiriddawo.

14 Kubanga Katonda ono, ye Katonda waffe emirembe gyonna;
y'anaatuluŋŋamyanga ennaku zonna okutuusa okufa.

# Zabbuli 49

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.

1 Muwulire mmwe amawanga gonna,
mutege amatu mmwe mwenna abali mu nsi.
2 Ab'ekitiibwa n'abakopi, abagagga n'abaavu, mwenna;
muwulirize ebigambo byange.

3 Kubanga ebigambo by'omu kamwa kange bya magezi,
ebiva mu mutima gwange bijjudde okutegeera.
4 Nnaakozesanga ebikwata ku ngero,
nga nnyinnyonnyola amakulu gaazo n'oluyimba ku nnanga.

5 Siityenga ne bwe nnaabanga mu buzibu;
newaakubadde ng'abalabe bange banneetoolodde,
6 abantu abeesiga obugagga bwabwe
beenyumiririza mu bintu ebingi bye balina.
7 Ddala ddala, tewali muntu ayinza kununula bulamu bwa munne,
wadde okwegula okuva eri Katonda.
8 Kubanga omuwendo ogununula obulamu munene nnyo,
tewali n'omu agusobola;
9 alyoke awangaale ennaku zonna
nga tatuuse magombe.
10 Kubanga n'abantu abagezi bafa;
abasirusiru n'abatalina magezi bonna baaggwaawo,
obugagga bwabwe ne babulekera abalala.
11 Entaana zaabwe ge ganaabanga amaka gaabwe ennaku zonna;
nga bye bisulo ebya buli mulembe oguliddawo;
baafuna ettaka mu mannya gaabwe.

12 Omuntu tabeerera mirembe gyonna, ne bw'aba mugagga atya,
alifa ng'ensolo bwe zifa.

13 Ako ke kabi akatuuka ku beesiga ebitaliimu,
era ye nkomerero y'abo abeesiga obugagga bwabwe.
14 Okufaanana ng'endiga, bateekwa kufa;
olumbe ne lubalya.
Bakka butereevu emagombe,
obulungi bwabwe ne bubula,
amagombe ne gafuuka amaka gaabwe.
15 Naye Katonda alinunula emmeeme yange mu magombe,
ddala ddala alintwala gy'ali.
16 Omuntu bw'agaggawalanga n'ekitiibwa ky'ennyumba ye nga kyeyongedde,
tomutyanga,
17 kubanga bw'alifa taliiko ky'alitwala, wadde n'ekitiibwa kye tekirigenda naye.
18 Newaakubadde nga mu bulamu yeerowoozaako ng'aweereddwa omukisa
kubanga omugagga abantu bamugulumiza,
19 kyokka alikka emagombe eri bajjajjaabe,
n'ayingira mu kizikiza ekikutte.

20 Omuntu omugagga naye nga simutegeevu tabeerera mirembe gyonna,
alizikirira ng'ensolo ez'omu nsiko.

# Zabbuli 50

Zabbuli ya Asafu.
1 Oyo Owaamaanyi, Mukama Katonda,

akoowoola ensi
okuva enjuba gy'eva okutuuka gy'egwa.
2 Katonda ayakaayakana
ng'ava mu Sayuuni n'obulungi bw'ekitiibwa kye ekituukiridde.
3 Katonda waffe ajja, naye tajja kasirise,
omuliro ogusaanyaawo buli kintu gwe gumukulembera,
n'omuyaga ogw'amaanyi ne gumwetooloola.
4 Akoowoola abali mu ggulu ne ku nsi,
azze okusalira abantu be omusango.
5 Agamba nti, "Munkuŋŋaanyize abantu bange abaayawulibwa,
abaakola nange endagaano nga bawaayo ssaddaaka."
6 Eggulu litegeeza obutuukirivu bwa Katonda
kubanga Katonda yennyini ye mulamuzi.

7 "Muwulirize, mmwe abantu bange, nange nnaayogera.
Ggwe Isirayiri bino bye nkuvunaana:
Nze Katonda, Katonda wo.
8 Sikunenya lwa ssaddaaka zo,
oba ebiweebwayo ebyokebwa by'ossa mu maaso gange bulijjo.
9 Sikyakkiriza nte nnume n'emu evudde mu kiralo kyo,
wadde embuzi ennume ezivudde mu bisibo byo.
10 Kubanga buli nsolo ey'omu kibira yange,
awamu n'ente eziri ku nsozi olukumi.
11 Ennyonyi zonna ez'oku nsozi nzimanyi,
n'ebiramu byonna eby'omu nsiko byange.
12 Singa nnumwa enjala sandikubuulidde:
kubanga ensi n'ebigirimu byonna byange.
13 Ndya ennyama y'ente ennume,
wadde okunywa omusaayi gw'embuzi?

14 "Owangayo ssaddaaka ey'okwebaza eri Katonda;
era otuukirizanga obweyamo bwo eri oyo Ali Waggulu Ennyo.
15 Bw'obanga mu buzibu,
nnaakuwonyanga, naawe onongulumizanga."
16 Naye omubi Katonda amugamba nti,
"Lekeraawo okwatulanga amateeka gange,
n'endagaano yange togyogerangako.
17 Kubanga okyawa okuluŋŋamizibwa,
n'ebigambo byange tobissaako mwoyo.
18 Bw'olaba omubbi, ng'omukwana;
era weetaba n'abenzi.
19 Okolima era olimba;
olulimi lwo lwogera ebitali bya butuukirivu.
20 Muganda wo omwogerako bibi byereere buli kiseera,
era owayiriza omwana wa nnyoko yennyini.
21 Ebyo byonna obikoze, ne nsirika,
n'olowooza nti twenkanankana.
Naye kaakano ka nkunenye,
ebisobyo byonna mbikulage.

22 "Ggwe eyeerabira Katonda, ebyo bisseeko omwoyo,
nneme kukuyuzaayuza nga tewali na wa kukuwonya.

23 Oyo awaayo ssaddaaka ey'okwebaza angulumiza,
era ateekateeka ekkubo
ndyoke mulage obulokozi bwa Katonda."

# Zabbuli 51

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi. Nnabbi Nasani bwe yajja eri Dawudi, Dawudi ng'amaze okutwala Basuseba n'okutemula bba, Uliya.

1 Onsaasire, Ayi MUKAMA,
ggwe alina okwagala okutaggwaawo.
Olw'okusaasira kwo okungi
nziggyaako ebyonoono byange byonna.
2 Nnaazaako obutali butuukirivu bwange,
ontukulize ddala okuva mu kibi kyange.

3 Ebyonoono byange mbikkiriza,
era ebibi byange mbimanyi bulijjo.
4 Ggwe wennyini ggwe nnyonoonye,
ne nkola ebitali bya butuukirivu mu maaso go ng'olaba;
noolwekyo by'oyogera bituufu,
era n'ensala yo ey'omusango ya bwenkanya.
5 Ddala, nazaalibwa mu kibi;
kasookedde ntondebwa mu lubuto lwa mmange ndi mwonoonyi.
6 Oyagala amazima agaviira ddala mu mutima gwange.
Ompe amagezi munda ddala mu nze.

7 Onnaaze n'ezobu* ntukule
onnaaze ntukule n'okusinga omuzira.
8 Onzirize essanyu n'okwesiima,
amagumba gange ge wamenyaamenya gasanyuke.
9 Totunuulira bibi byange,
era osangule ebyonoono byange byonna.

10 Ontondemu omutima omulongoofu, Ayi Katonda,
era onteekemu omwoyo omulungi munda yange.
11 Tongoba w'oli,
era tonzigyako Mwoyo wo Omutukuvu.
12 Onkomezeewo essanyu ery'obulokozi bwo,
era ompe omutima ogugondera by'oyagala,
13 ndyoke njigirizenga aboonoonyi amakubo go,
n'abakola ebibi bakukyukirenga bakomewo gy'oli.
14 Ondokole mu kibi eky'okuyiwa omusaayi, Ayi Katonda,
ggwe Katonda ow'obulokozi bwange;
olulimi lwange lunaatenderezanga obutuukirivu bwo.
15 Ayi Mukama, yasamya emimwa gyange,
n'akamwa kange kanaakutenderezanga.
16 Tosanyukira ssaddaaka, nandigikuleetedde;
n'ebiweebwayo ebyokebwa tobisanyukira.
17 Ssaddaaka Katonda gy'ayagala gwe mwoyo ogutegedde okusobya kwagwo.

---

* **Zabbuli 51:7** Ezobu kimera ekisangibwa mu Asiya, era kikozesebwa okutuukiriza obulombolombo obw'enjawulo okutukuzibwa, mu Baebbulaniya

Omutima ogumenyese era oguboneredde,
Ayi Katonda, toogugayenga.

18 Okulaakulanye Sayuuni nga bw'osiima.
Yerusaalemi okizzeeko bbugwe waakyo.
19 Olyoke osanyukire ssaddaaka ey'obutuukirivu,
ebiweebwayo ebyokebwa ebikusanyusa;
n'ente ziweebweyo ku kyoto kyo.

# Zabbuli 52

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi Dowegi Omwedomu bwe yagenda n'abuulira Sawulo nti, "Dawudi alaze mu nnyumba ya Akimereki."

1 Lwaki weenyumiririza mu kibi ggwe omusajja ow'amaanyi?
Endagaano ya Katonda ey'obwesigwa ebeerera emirembe n'emirembe.
2 Oteekateeka enkwe ez'okuzikiriza.
Olulimi lwo lwogi nga kkirita
era buli kiseera lwogera bya bulimba.
3 Oyagala okukola ebibi okusinga okukola ebirungi,
n'okulimba okusinga okwogera amazima.
4 Osanyukira nnyo okwogera ebirumya.
Ggwe olulimi kalimbira!

5 Kyokka Katonda alikuzikiriza emirembe gyonna;
alikusikula, akuggye mu maka go;
alikugoba mu nsi y'abalamu.
6 Bino abatuukirivu balibiraba, ne babitunuulira nga batidde.
Naye balikusekerera, nga bwe bagamba nti,
7 "Mumulabe omusajja
ateesiga Katonda okuba ekiddukiro kye,
naye ne yeesiganga obugagga bwe obungi,
ne yeeyongera n'amaanyi ng'azikiriza abalala."

8 Naye nze nfaanana ng'omuti omuzeyituuni
ogukulira mu nnyumba ya Katonda.
Neesiga okwagala kwa Katonda okutaggwaawo
emirembe n'emirembe.
9 Nnaakwebazanga emirembe gyonna olw'ekyo ky'okoze.
Nneesiganga erinnya lyo kubanga erinnya lyo ddungi;
era nnaakutendererezanga awali abatuukirivu bo.

# Zabbuli 53

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.

1 Omusirusiru ayogera mu mutima gwe nti,
"Tewali Katonda."
Boonoonefu, n'empisa zaabwe mbi nnyo;
tewali n'omu akola kirungi.
2 Katonda atunuulira abaana b'abantu
ng'asinziira mu ggulu,
alabe obanga mulimu mu bo abamutegeera
era abamunoonya.
3 Bonna bamukubye amabega

ne boonooneka;
tewali akola kirungi,
tewali n'omu.

4 Aboonoonyi tebaliyiga?

Basaanyaawo abantu bange, ng'abalya emmere;
so tebakoowoola Katonda.
5 Balitya okutya okutagambika;
kubanga Katonda alisaasaanya amagumba g'abalabe be.
Baliswazibwa
kubanga Katonda yabanyooma.

6 Singa obulokozi bwa Isirayiri bufuluma mu Sayuuni,
Katonda n'akomyawo emirembe eri abantu be,
Yakobo asanyuka ne Isirayiri n'ajaguza.

# Zabbuli 54

Ya Mukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa n'ebivuga eby'enkoba. Zabbuli ya Dawudi, Abazifu bwe bajja ne babuulira Sawulo nti, "Dawudi yeekwese mu ffe."
1 Olw'erinnya lyo ondokole, Ayi Katonda,
n'amaanyi go amangi onzigyeko omusango.
2 Wulira okusaba kwange, Ayi Katonda,
owulirize ebigambo by'omu kamwa kange.

3 Abantu be simanyi bannumba;
abantu abalina ettima abatatya Katonda;
bannoonya okunzita.

4 Laba, Katonda ye mubeezi wange,
Mukama ye mukuumi wange.

5 Leka ebintu ebibi byonna bye bantegekera, bibeekyusize,
obazikirize olw'obwesigwa bwo.

6 Nnaakuleeteranga ssaddaaka ey'ekyeyagalire;
ne ntendereza erinnya lyo, Ayi Mukama,
kubanga ddungi.
7 Kubanga Katonda amponyezza ebizibu byange byonna;
era amaaso gange galabye ng'awangula abalabe bange.

# Zabbuli 55

Ya Mukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa n'ebivuga eby'enkoba. Zabbuli ya Dawudi.
1 Owulirize okusaba kwange, Ayi Katonda,
togaya kwegayirira kwange.
2 Ompulire era onziremu,
kubanga ndi mu buzibu, nga nsinda olw'okweraliikirira okunene.
3 Mpulira amaloboozi g'abalabe bange;
ababi bankanulidde amaaso
ne banvuma nga bajjudde obusungu.

4 Omutima gwange gulumwa nnyo munda yange;
entiisa y'okufa entuukiridde.
5 Okutya n'okukankana binnumbye;
entiisa empitiridde.
6 Ne njogera nti, Singa nnina ebiwaawaatiro ng'ejjiba,
nandibuuse ne ŋŋenda mpummulako.
7 "Nandiraze wala nnyo,
ne mbeera eyo mu ddungu;
8 nandiyanguye ne ntuuka mu kifo kyange eky'okuwummuliramu,
eteri kibuyaga na mpewo ekunta n'amaanyi."

9 Mukama tabulatabula ennimi z'ababi, ozikirize enkwe zaabwe;
kubanga ndaba obukambwe n'okulwanagana mu kibuga.
10 Beetooloola bbugwe waakyo emisana n'ekiro,
ne munda mu kyo mujjudde ettima n'ebikolwa ebibi.
11 Obutemu n'obussi obwa buli ngeri biri mu kibuga omwo.
Buli lw'oyita mu nguudo zaakyo osanga bulimba bwereere na kutiisibwatiisibwa.

12 Singa omulabe wange y'abadde anvuma,
nandikigumiikirizza;
singa oyo atakkiriziganya nange y'annumbaganye n'anduulira,
nandimwekwese.
13 Naye ggwe munnange,
bwe tuyita, era mukwano gwange ddala!
14 Gwe twabanga naye mu ssanyu ng'abooluganda,
nga tutambulira mu kibiina ekinene mu nnyumba ya Katonda.

15 Okufa kubatuukirire,
bakke emagombe nga bakyali balamu;
kubanga bajjudde okukola ebibi.

16 Naye nze nkoowoola MUKAMA Katonda,
n'andokola.
17 Ekiro, ne mu makya ne mu ttuntu,
ndaajana nga bwe nsinda;
n'awulira eddoboozi lyange.
18 Amponyezza mu lutalo
nga siriiko kintuseeko
newaakubadde ng'abannwanyisizza babadde bangi.
19 Katonda oyo atudde ku ntebe ye ebbanga lyonna,
aliwulira n'ababonereza
abo abatakyusa makubo gaabwe
era abatatya Katonda.

20 Agololera emikono gye ku mikwano gye;
n'amenya endagaano ye.
21 By'ayogera bigonvu okusinga omuzigo,
so nga mu mutima gwe alowooza lutalo;
ebigambo bye biweweera okusinga amafuta,
so nga munda mu mutima gwe asowodde bitala byennyini.

22 Ebizibu byo byonna bireete eri MUKAMA,
ajja kukuwanirira;
kubanga talireka mutuukirivu kugwa.
23 Naye ggwe, Ayi Katonda,
olisuula abakola ebibi mu kinnya eky'okuzikirira;
era abatemu n'abalimba bonna
tebagenda kuwangaala kimu kyakubiri eky'obulamu bwabwe.

Naye nze, neesiga ggwe.

# Zabbuli 56

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi. Abafirisuuti bwe baamukwatira mu Gaasi.

1 Onsaasire, Ayi Katonda, kubanga abalabe bange banjigganya;
buli lunaku bannumba n'amaanyi.
2 Abalabe bange bannondoola,
bangi bannwanyisa nga bajjudde amalala.

3 Buli lwe ntya,
neesiga ggwe.
4 Nditendereza Katonda ne nyweerera mu kigambo kye,
ye Katonda gwe neesiga; siityenga.
Abantu obuntu bagenda kunkolako ki?

5 Olunaku lwonna bye njogera babifuulafuula;
ebbanga lyonna baba basala nkwe kunkola kabi.
6 Beekobaana ne bateesa,
banneekwekerera ne bawuliriza enswagiro zange;
nga bannindirira banzite.
7 Tobakkiriza kudduka ne bawona;
mu busungu bwo, Ayi Katonda, osuule amawanga.

8 Emirundi gye ntawaanyizibwa nga njaziirana ogimanyi;
amaziga gange gateeke mu ccupa yo!
Wagawandiika.
9 Bwe nkukoowoola,
abalabe bange nga badduka.
Kino nkimanyi kubanga Katonda ali ku ludda lwange.

10 Katonda gwe ntendereza olw'ekisuubizo kye;
MUKAMA gwe ntendereza olw'ekisuubizo kye;
11 Katonda oyo gwe neesiga, siityenga.
Abantu bayinza kunkolako ki?

12 Ndituukiriza obweyamo bwange gy'oli, Ayi Katonda;
ndikuleetera ebirabo eby'okukwebaza.
13 Kubanga emmeeme yange ogiwonyezza okufa.
Ebigere byange tobiwonyezza okwesittala;
ne ndyoka ntambulira mu maaso ga Katonda
mu musana nga ndi mulamu?

# Zabbuli 57

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Tozikiriza." Zabbuli ya Dawudi bwe yadduka Sawulo, n'alaga mu mpuku.

1 Onsaasire, Ayi Katonda, onsaasire,
kubanga neesiga ggwe.
Nzija kwekweka mu kisiikirize ky'ebiwaawaatiro byo
okutuusa okuzikirira bwe kulikoma.

2 Nkoowoola Katonda Ali Waggulu Ennyo,
Katonda atuukiriza bye yantegekera.
3 Alisinzira mu ggulu n'andokola,
n'amponya abo abampalana.
Katonda anandaganga obwesigwa bwe n'okwagala kwe okutaggwaawo.

4 Mbeera wakati mu mpologoma,
nsula mu bisolo ebirya abaana b'abantu.
Amannyo g'abalabe bange gali ng'amafumu n'obusaale.
Ennimi zaabwe ziri ng'ebitala ebyogi.

5 Ayi Katonda, ogulumizibwenga okusinga eggulu;
n'ekitiibwa kyo kibune ensi yonna.

6 Baatega ekitimba mu kkubo lyange,
ne ntya nnyo;
ne basimamu obunnya,
ate bo bennyini ne babugwamu.

7 Omutima gwange munywevu, Ayi Katonda,
omutima gwange munywevu.
Nnaakutenderezanga n'ennyimba.
8 Zuukuka, ggwe omwoyo gwange!
Zuukuka ggwe ennanga ey'enkoba, naawe entongooli,
ndyoke nnyimbe okukeesa obudde.

9 Ayi Mukama, ndikwebaza mu mawanga;
ndiyimba nga nkutendereza mu bantu.
10 Kubanga okwagala kwo kungi nnyo, kutuuka ne ku ggulu;
n'obwesigwa bwo butuuka ku bire.

11 Ogulumizibwenga, Ayi Katonda, okusinga eggulu;
n'ekitiibwa kyo kibune ensi yonna.

# Zabbuli 58

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Tozikiriza." Zabbuli ya Dawudi.

1 Ddala mwogera eby'amazima oba musirika busirisi?
Abaana b'abantu mubasalira emisango mu bwenkanya?
2 Nedda, mutegeka ebitali bya bwenkanya mu mitima gyammwe;
era bye mukola bireeta obwegugungo mu nsi.

3 Abakola ebibi bakyama nga baakazaalibwa,
bava mu lubuto nga balina ekibi, era bakula boogera bya bulimba.

4 Balina obusagwa ng'obw'omusota;
bali ng'enswera etawulira ezibikira amatu gaayo;
5 n'etawulira na luyimba lwa mukugu
agisendasenda okugikwata.

6 Ayi Katonda, menya amannyo gaabwe;
owangulemu amannyo g'empologoma zino, Ayi MUKAMA.
7 Leka babule ng'amazzi agakulukuta ne gagenda.
Bwe banaanuula omutego, leka obusaale bwabwe bwe balasa bufufuggale.
8 Babe ng'ekkovu erisaanuukira mu lugendo lwalyo.
Babe ng'omwana azaaliddwa ng'afudde, ataliraba ku njuba!

9 Nga n'entamu tennabuguma,
alibayerawo n'obusungu obungi nga kibuyaga ow'amaanyi ennyo.
10 Omutuukirivu alisanyuka ng'alabye bamuwalanidde eggwanga,
olwo n'ebigere bye ne bisaabaana omusaayi ogw'abakola ebibi.
11 Awo abantu bonna balyogera nti,
"Ddala, abatuukirivu balwanirirwa.
Ddala waliwo Katonda alamula mu bwenkanya ku nsi."

# Zabbuli 59

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Tozikiriza." Zabbuli ya Dawudi, Sawulo bwe yatuma bakuume enju ya Dawudi bamutte.

1 Ayi Katonda wange, mponya abalabe bange;
onnwanirire, abantu bwe bangolokokerako.
2 Omponye abakola ebitali bya butuukirivu,
era ondokole mu batemu.

3 Laba banneekwekeredde nga banteega okunzita.
Abasajja ab'amaanyi abakambwe banneekobera, Ayi MUKAMA,
so nga soonoonye wadde okubaako ne kye nsobezza.
4 Sirina kye nsobezza, naye bateekateeka okunnumba.
Tunuulira obuzibu bwange, osituke, onnyambe.
5 Ayi MUKAMA Katonda ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri,
golokoka obonereze amawanga gonna;
abo bonna abasala enkwe tobasaasira.

6 Bakomawo buli kiro,
nga babolooga ng'embwa,
ne batambulatambula mu kibuga.
7 Laba, bwe bavuma!
Ebigambo biwamatuka mu kamwa kaabwe ng'ebitala,
nga boogera nti, "Ani atuwulira?"
8 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, obasekerera,
era amawanga ago gonna oganyooma.

9 Ayi Katonda, Amaanyi gange, nnaakwesiganga
era nnaakutenderezanga, kubanga ggwe kigo kyange ekinywevu.
10 Katonda wange anjagala
anankulemberanga,
ne ndyoka neeyagalira ku balabe bange.

11 Tobatta, Ayi Mukama, engabo yaffe,
abantu bange baleme kwerabira;
mu buyinza bwo obungi, baleke batangetange;
n'oluvannyuma obakkakkanyize ddala.
12 Amalala gaabwe n'ebyonoono ebiva mu kamwa kaabwe,
n'ebigambo by'oku mimwa gyabwe
leka byonna bibatege ng'omutego.
Kubanga bakolima era ne boogera eby'obulimba.
13 Bamaleewo n'ekiruyi kyo,
bamalirewo ddala;
amawanga gonna galyoke gategeere
nga Katonda wa Yakobo y'afuga ensi yonna.

14 Bakomawo nga buwungedde
nga babolooga ng'embwa,
ne batambulatambula mu kibuga.
15 Banoonya emmere buli wantu mu kibuga,
ne bawowoggana bwe batakkuta.
16 Naye nze nnaayimbanga nga ntendereza amaanyi go;
mu makya nnaayimbanga ku kwagala kwo;
kubanga ggwe kigo kyange,
era ggwe kiddukiro kyange mu buzibu bwange.

17 Ggwe, Ayi Katonda, Amaanyi gange, nnaakuyimbiranga nga nkutendereza;
kubanga ggwe kigo kyange, era ggwe Katonda wange, anjagala.

# Zabbuli 60

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Eddanga ery'Endagaano." Zabbuli ya Dawudi. Yakuyigiriza. Dawudi bwe yalwana n'Abaalamu abaava e Nakalayimu n'abaava e Zoba, Yowaabu n'akomawo n'atta Abayedomu omutwalo gumu mu enkumi bbiri mu Kiwonvu eky'Omunnyo.
1 Otusudde, Ayi Katonda, otumazeemu amaanyi,
otunyiigidde. Tukwegayiridde otuzze gy'oli.
2 Ensi ogiyuuguumizza n'ogyasaayasa;
tukwegayirira enjatika ozizibe, kubanga ekankana.
3 Obadde mukambwe nnyo eri abantu bo;
tuli nga b'owadde omwenge omungi ne gututagaza.
4 Naye abo abakutya obawanikidde ebbendera okuba akabonero akabakuŋŋaanya awamu,
era akatiisa abalabe baabwe.

5 Otulokole era otuyambe n'omukono gwo ogwa ddyo,
abakwagala baleme kutuukibwako kabi konna.
6 Katonda ayogedde ng'asinziira mu kifo kye ekitukuvu, n'agamba nti,
"Mu buwanguzi, ndisala mu Sekemu,
era n'ekiwonvu kya Sukkosi ndikigabanyagabanyaamu.
7 Ensi ya Gireyaadi yange, n'eya Manase nayo yange.
Efulayimu ye nkufiira ey'oku mutwe gwange;
ate Yuda gwe muggo gwange ogw'okufuga.
8 Mowaabu kye kinaabirwamu kyange,
ate Edomu gye nkasuka engatto yange:

ne ku Bafirisuuti ndeekaana mu buwanguzi.”

9 Ani anantuusa ku kibuga ekigumu ekinywevu?
Ani anankulembera okunnyingiza mu Edomu?
10 Si ggwe Ayi Katonda, atusudde,
atakyatabaala na magye gaffe?
11 Tudduukirire, nga tulwanyisa abalabe baffe,
kubanga obuyambi bw’abantu temuli nsa.
12 Bwe tunaabeeranga ne Katonda, tunaabanga bawanguzi,
kubanga ye y’anaalinnyiriranga abalabe baffe wansi w’ebigere bye.

# Zabbuli 61

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ebivuga eby’enkoba. Zabbuli ya Dawudi.
1 Wulira okukaaba kwange, Ayi Katonda;
wulira okusaba kwange.

2 Nkukoowoola okuva ku nkomerero y’ensi,
omutima gwange nga gugenda gunafuwa.
Onkulembere ontuuse ku lwazi olunsinga obuwanvu mwe nnyinza okwekweka.
3 Kubanga gw’oli kiddukiro kyange.
Oli kigo eky’amaanyi mwe neekweka omulabe.

4 Nnaabeeranga mu weema yo ennaku zonna;
ndyoke nkuumirwenga mu biwaawaatiro byo.
5 Kubanga ggwe, Ayi Katonda, owulidde obweyamo bwange:
ompadde omugabo awamu n’abo abatya erinnya lyo.

6 Oyongere ku nnaku z’obulamu bwa kabaka;
emyaka gye gimutuuse mu mirembe mingi,
7 alyoke abeerenga mu maaso ga Katonda ennaku zonna.
Okwagala kwo n’obwesigwa bwo bimukuumenga.

8 Ndyoke nnyimbenga nga ntendereza erinnya lyo ennaku zonna,
nga ntuukiriza obweyamo bwange buli lunaku.

# Zabbuli 62

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ya Yedusuni. Zabbuli ya Dawudi.
1 Emmeeme yange ewummulira mu Katonda yekka;
oyo obulokozi bwange mwe buva.
2 Ye yekka, lwe lwazi lwange era bwe bulokozi bwange;
ye kye kigo kyange siinyeenyezebwenga n’akatono.

3 Mulituusa ddi nga mulumba omuntu,
mmwe mwenna okwagala okumusuula wansi
ng’ekisenge ekyewunzise era ng’olukomera oluyuuguuma?
4 Bateesa okumuggya
mu kifo kye ekinywevu,
basanyukira eby’obulimba.
Basaba omukisa n’emimwa gyabwe
so nga munda bakolima.

5 Emmeeme yange ewummulire mu Katonda yekka;
kubanga mu ye mwe muli essuubi lyange.
6 Ye yekka lwe lwazi lwange era bwe bulokozi bwange,
ye kye kigo kyange, siinyeenyezebwenga.
7 Okulokolebwa kwange n'ekitiibwa kyange biri mu Katonda yekka;
ye lwe lwazi lwange olw'amaanyi era kye kiddukiro kyange.
8 Mumwesigenga bulijjo mmwe abantu,
mumutegeezenga byonna ebiri mu mitima gyammwe,
kubanga Katonda kye kiddukiro kyaffe.

9 Abaana b'abantu mukka bukka,
abazaalibwa mu bugagga bulimba bwereere;
ne bwe bageraageranyizibwa ku minzaani,
n'omukka gubasinga okuzitowa.
10 Temwesigamanga ku bujoozi
wadde ku bintu ebibbe.
Temuyitirira okwewaanirawaanira mu bugagga bwammwe ne bwe bwey-
ongeranga,
era temubumalirangako mwoyo gwammwe.

11 Katonda ayogedde ekintu kimu,
kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti:
Katonda, oli w'amaanyi,
12 era ggwe, Ayi Mukama, ojjudde okwagala.
Ddala olisasula buli muntu
ng'ebikolwa bye bwe biri.

# Zabbuli 63

Zabbuli ya Dawudi, bwe yali mu ddungu lya Yuda.
1 Ayi Katonda, oli Katonda wange,
nkunoonya n'omutima gwange gwonna;
emmeeme yange ekwetaaga,
omubiri gwange gwonna gukuyaayaanira,
nga nnina ennyonta ng'ali
mu nsi enkalu omutali mazzi.

2 Nkulabye ng'oli mu kifo kyo ekitukuvu,
ne ndaba amaanyi go n'ekitiibwa kyo.
3 Kubanga okwagala kwo okutaggwaawo kusinga obulamu;
akamwa kange kanaakutenderezanga.
4 Bwe ntyo nnaakutenderezanga obulamu bwange bwonna;
nnaayimusanga emikono gyange mu linnya lyo.
5 Emmeeme yange enekkutanga ebyassava n'obugagga;
nnaayimbanga nga nkutendereza n'emimwa egy'essanyu.

6 Nkujjukira nga ndi ku kitanda kyange,
era nkufumiitirizaako mu ssaawa ez'ekiro.
7 Olw'okuba ng'oli mubeezi wange,
nnyimba nga ndi mu kisiikirize ky'ebiwaawaatiro byo.
8 Emmeeme yange yeekwata ku ggwe;
omukono gwo ogwa ddyo gumpanirira.

9 Naye abo abannoonya okunzita balizikirizibwa,
baliserengeta emagombe.
10 Balisaanawo n'ekitala;
ne bafuuka emmere y'ebibe.

11 Naye ye kabaka anaajagulizanga mu Katonda;
bonna abalayira mu linnya lya Katonda banaatenderezanga Katonda,
naye akamwa k'abalimba kalisirisibwa.

# Zabbuli 64

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi Katonda, owulire eddoboozi lyange, ery'okwemulugunya kwange;
okuume obulamu bwange eri okutiisibwatiisibwa omulabe.

2 Onkweke mpone enkwe z'abakola ebibi,
onzigye mu kibinja ky'aboonoonyi, abaleekaana
3 abawagala ennimi zaabwe ng'ebitala,
ne balasa ebigambo byabwe ng'obusaale obutta.
4 Beekweka ne bateega oyo atalina musango bamulase;
amangwago ne bamulasa nga tebatya.

5 Bawagiragana mu kigendererwa kyabwe ekibi
ne bateesa okutega emitego mu kyama;
ne boogera nti, “Ani asobola okutulaba?”
6 Beekobaana okukola ebitali bya bwenkanya, ne boogera nti,
“Tukoze enteekateeka empitirivu.”
Ddala ddala ebirowoozo by'omuntu n'omutima gwe byekusifu.

7 Naye Katonda alibalasa n'obusaale bwe;
alibafumita, mangwago ne bagwa ku ttaka.
8 Ebyo bye boogera biribaddira,
ne bibazikiriza,
ababalaba ne babanyeenyeza emitwe.
9 Olwo abantu bonna ne batya,
ne bategeeza abalala omulimu gwa Katonda,
ne bafumiitiriza ku ebyo by'akoze.

10 Omutuukirivu ajagulizenga mu Mukama,
era yeekwekenga mu ye.
Abo bonna abalina omutima omulongoofu bamutenderezenga!

# Zabbuli 65

Ya Mukulu wa Bayimbi. Oluyimba, Zabbuli ya Dawudi.
1 Osaanira okutenderezebwanga, Ayi Katonda, ali mu Sayuuni;
tunaatuukiririzanga obweyamo bwaffe gy'oli.
2 Ayi ggwe awulira okusaba kw'abantu bo,
abantu bonna banajjanga gy'oli olw'ebibi byabwe.
3 Ebibi byaffe bwe byatusukkirira,
n'otutangiririra.
4 Alina omukisa oyo gw'olonda
n'omusembeza okumpi naawe, abeerenga mu mpya zo.

Tunaamalibwanga ebirungi eby'omu nnyumba yo;
eby'omu Yeekaalu yo entukuvu.

5 Otwanukula n'ebikolwa byo eby'obutuukirivu eby'entiisa n'otulokola,
Ayi Katonda ow'obulokozi bwaffe;
ggwe ssuubi ly'abo abali mu nsi yonna n'abo bonna
abali ewala mu nnyanja zonna,
6 ggwe, eyakola ensozi n'obuyinza bwo,
n'ozinyweza n'amaanyi go,
7 ggwe, asirisa okusiikuuka kw'ennyanja,
n'okkakkanya okwetabula kw'amayengo gaayo,
era ggw'okkakkanya okwegugunga kw'amawanga.
8 Abo bonna ababeera ewala balaba ne batya ebyewuunyo byo;
ne bakuyimbira ennyimba ez'essanyu
okuva ku makya okutuusa akawungeezi.

9 Ensi ogirabirira n'ogifukirira
n'egimuka nnyo.
Emigga gya Katonda gijjudde amazzi,
okuwa abantu emmere ey'empeke,
kubanga bw'otyo bwe wakiteekateeka.
10 Otonnyesa enkuba mu nnimiro,
n'ojjuza ebitaba byamu;
n'ogonza ettaka,
ebibala by'omu nsi n'obiwa omukisa.
11 Ofundikira omwaka n'amakungula amangi,
ebigaali ne bigenda nga byetisse ebibala nga bikubyeko.
12 Ebifo awali omuddo mu ddungu bijjula amazzi,
n'obusozi ne bulabika bulungi nga bweyagala.
13 Amalundiro gajjula ebisibo,
n'ebiwonvu ne bijjula emmere ey'empeke.
Ensi yonna eyimba mu ddoboozi ery'omwanguka ng'ejjudde essanyu.

# Zabbuli 66

Ya mukulu wa bayimbi. Oluyimba, Zabbuli ya Dawudi.
1 Yimbira MUKAMA n'eddoboozi ery'omwanguka, ggwe ensi yonna.
2 Muyimbe ekitiibwa ky'erinnya lye.
Mumuyimbire ennyimba ezimusuuta.
3 Gamba Katonda nti, "Ebikolwa byo nga bya ntiisa!
Olw'amaanyi go amangi
abalabe bo bakujeemulukukira.
4 Ab'omu nsi yonna bakuvuunamira,
bakutendereza,
bayimba nga bagulumiza erinnya lyo."

5 Mujje mulabe Katonda ky'akoze;
mulabe eby'entiisa by'akoledde abaana b'abantu!
6 Ennyanja yagifuula olukalu.
Abantu baasomoka omugga n'ebigere nga temuli mazzi,
kyetuva tujaguza.
7 Afuga n'amaanyi ge emirembe gyonna;
amaaso ge agasimba ku mawanga,

ab'omutima omujeemu baleme okumujeemera.

8 Mutendereze Katonda waffe, mmwe amawanga;
eddoboozi ery'okumutendereza liwulirwe wonna.
9 Oyo y'atukuumye ne tuba balamu,
n'ataganya bigere byaffe kuseerera.
10 Kubanga ggwe, Ayi Katonda, otugezesezza,
n'otulongoosa nga bwe bakola ffeeza mu muliro.
11 Watuteeka mu kkomera,
n'otutikka emigugu.
12 Waleka abantu ne batulinnyirira;
ne tuyita mu muliro ne mu mazzi,
n'otutuusa mu kifo eky'okwesiima.

13 Nnaayambukanga mu yeekaalu yo n'ebiweebwayo ebyokebwa,
ntuukirize obweyamo bwange gy'oli,
14 nga ndeeta ekyo emimwa gyange kye gyasuubiza;
akamwa kange kye kaayogera bwe nnali mu kabi.
15 Nnaawaayo gy'oli ssaddaaka ez'ensolo ensava,
mpeeyo ne ssaddaaka ey'endiga ennume;
mpeeyo ente ennume n'embuzi.

16 Mujje muwulire, mmwe mwenna abatya Katonda,
mbategeeze ebyo by'ankoledde.
17 Namukaabirira n'akamwa kange,
ne mutendereza n'olulimi lwange.
18 Singa nnali nsirikidde ekibi mu mutima gwange,
Mukama teyandimpulirizza;
19 ddala ddala Katonda yampuliriza era n'awulira eddoboozi lyange nga
nsaba.
20 Katonda atenderezebwenga,
atagobye kusaba kwange,
wadde okunziggyako okwagala kwe okutaggwaawo!

# Zabbuli 67

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ebivuga eby'enkoba. Zabbuli. Oluyimba.
1 Ayi Katonda tukwatirwe ekisa, otuwe omukisa,
era otwakize amaaso go.
2 Ekkubo lyo limanyibwe mu nsi,
n'obulokozi bwo mu mawanga gonna.

3 Abantu bakutenderezenga, Ayi Katonda,
abantu bonna bakutenderezenga.
4 Amawanga gonna gasanyuke, gayimbe nga gajjudde essanyu.
Kubanga ofuga abantu bonna mu bwenkanya,
n'oluŋŋamya amawanga ag'ensi.
5 Abantu bakutenderezenga, Ayi Katonda,
abantu bonna bakutenderezenga.

6 Ensi erireeta amakungula gaayo;
era Katonda, Katonda waffe, anaatuwanga omukisa.

7 Katonda anaatuwanga omukisa;
n'enkomerero z'ensi zinaamutyanga.

# Zabbuli 68

Ya Mukulu wa Bayimbi. Oluyimba lwa Dawudi.
1 Katonda agolokoke, abalabe be basaasaane,
n'abo abamukyawa bamudduke.
2 Ng'empewo bw'efuumuula omukka,
naawe bafuumuule bw'otyo;
envumbo nga bw'esaanuuka mu muliro,
n'abakola ebibi bazikirire bwe batyo mu maaso ga Katonda!
3 Naye abatuukirivu basanyuke
bajagulize mu maaso ga Katonda,
nga bajjudde essanyu.

4 Muyimbire Katonda,
muyimbe nga mutendereza erinnya lye;
mumuyimusize amaloboozi gammwe oyo atambulira mu bire.
Erinnya lye ye MUKAMA, mujagulize mu maaso ge.
5 Ye Kitaawe w'abataliiko bakitaabwe, ye mukuumi wa bannamwandu;
ye Katonda abeera mu kifo kye ekitukuvu.
6 Katonda afunira abatalina we babeera ekifo eky'okubeeramu,
aggya abasibe mu kkomera n'abagaggawaza;
naye abajeemu babeera mu bifo bikalu ddala.

7 Ayi Katonda, bwe wakulembera abantu bo,
n'obayisa mu ddungu,
8 ensi yakankana,
eggulu ne lifukumula enkuba mu maaso ga Katonda;
n'olusozi Sinaayi ne lukankana
awali Katonda, Katonda wa Isirayiri!
9 Watonnyesa enkuba nnyingi ku nsi, Ayi Katonda;
ensi y'obusika bwo n'ogizzaamu obugimu bwe bwali nga buggweer-
era;
10 abantu bo ne babeera omwo; era olw'ekisa kyo ekingi, Ayi Katonda,
abaavu ne bafuna bye beetaaga okuva ku bugagga bwo.
11 Mukama yalangirira;
ne babunyisa ekigambo kye; baali bangi ne boogera nti:
12 "Bakabaka badduse n'amaggye gaabwe;
abantu ne bagabana omunyago.
13 Balabe bwe banyirira n'obugagga bwa ffeeza ne zaabu!
Babikkiddwa ng'ejjuba bwe libikkibwa
ebiwaawaatiro byalyo."
14 Ayinzabyonna yasaasaanya bakabaka,
ne baba ng'omuzira bwe gugwa ku Zalumoni.
15 Ggwe olusozi olw'ekitiibwa, olusozi lwa Basani;
ggwe olusozi olw'emitwe emingi, olusozi lwa Basani!
16 Lwaki otunuza obuggya ggwe olusozi olw'emitwe emingi?
Lwaki okwatirwa obuggya olusozi Katonda lwe yalonda okufugirako?
Ddala okwo MUKAMA kw'anaabeeranga ennaku zonna.
17 Mukama ava ku lusozi Sinaayi

nga yeetooloddwa amagaali enkumi n'enkumi
n'ajja mu kifo kye ekitukuvu.
18 Bwe walinnyalinnya olusozi,
ng'abanyage bakugoberera;
abantu ne bakuwa ebirabo
nga ne bakyewaggula mwebali;
bw'atyo MUKAMA Katonda n'abeeranga wamu nabo.
19 Atenderezebwe Mukama, Katonda omulokozi waffe,
eyeetikka emigugu gyaffe egya buli lunaku.
20 Katonda waffe ye Katonda alokola;
era tuddukira eri MUKAMA Katonda okuwona okufa.
21 Ddala, Katonda alibetenta emitwe gy'abalabe be,
kubanga ne mu bukadde bwabwe balemera mu bibi byabwe.
22 Mukama agamba nti, "Ndibakomyawo nga mbaggya mu Basani,
ndibazza nga mbaggya mu buziba bw'ennyanja,
23 mulyoke munaabe ebigere byammwe mu musaayi gw'abalabe bammwe,
n'embwa zammwe zeefunire ebyokulya."

24 Ekibiina kyo ky'okulembedde bakirabye, Ayi Katonda,
balabye abali ne Katonda wange, era Kabaka wange, ng'otambula okugenda mu watukuvu;
25 abayimbi nga bakulembedde, ab'ebivuga nga bavaako emabega
ne wakati waabwe nga waliwo abawala abakuba ebitaasa.
26 Mutendereze Katonda mu kibiina ekinene;
mumutendereze MUKAMA, mmwe abakuŋŋaanye abangi Abayisirayiri.
27 Waliwo ekika kya Benyamini asinga obuto kye kikulembedde,
ne kuddako ekibinja ekinene eky'abalangira ba Yuda,
n'abalangira ba Zebbulooni n'abalangira ba Nafutaali.

28 Laga obuyinza bwo, Ayi Katonda,
otulage amaanyi go, Ayi Katonda onyweze ebyo by'otukoledde.
29 Bakabaka balikuleetera ebirabo
olwa Yeekaalu yo eri mu Yerusaalemi.
30 Nenya ensolo enkambwe ey'omu bisaalu,
eggana lya ziseddume eriri mu nnyana z'amawanga.
Gikkakkanye ereete omusolo ogwa ffeeza.
Osaasaanye amawanga agasanyukira entalo.
31 Ababaka baliva e Misiri,
ne Kuusi aligondera Katonda.

32 Muyimbire Katonda mmwe obwakabaka obw'ensi zonna.
Mutendereze Mukama.
33 Oyo eyeebagala eggulu erya waggulu ery'edda,
eddoboozi lye ery'amaanyi liwuluguma okuva mu ggulu.
34 Mulangirire obuyinza bwa Katonda,
ekitiibwa kye kibuutikidde Isirayiri;
obuyinza bwe buli mu bire.
35 Oli wa ntiisa, Ayi Katonda, mu kifo kyo ekitukuvu.
Katonda wa Isirayiri, yawa abantu obuyinza n'amaanyi.

Katonda atenderezebwe.

# Zabbuli 69

Ya Mukulu wa Bayimbi. Mu ddoboozi ery'Amalanga. Zabbuli ya Dawudi.

1 Ondokole, Ayi Katonda,
kubanga amazzi gandi mu bulago.
2 Ntubira mu bitosi
nga sirina we nnywereza kigere.
Ntuuse ebuziba
n'amataba gansaanikira.
3 Ndajanye ne nkoowa,
n'emimiro ginkaze.
Amaaso ganzizeeko ekifu gakooye
olw'okutunula enkaliriza nga nnindirira Katonda wange.
4 Abo abankyayira obwereere
bangi okusinga enviiri ez'oku mutwe gwange;
abalabe bange bangi
abannoonya okunzita awatali nsonga;
ne mpalirizibwa mbaddizeewo
ekyo kye sibbanga.

5 Ayi Katonda, omanyi obusirusiru bwange,
n'okusobya kwange tekukukwekeddwa.

6 Sisaana kuswaza
abo abakwesiga,
Ayi Mukama, MUKAMA ow'Eggye.
Abo abakunoonya
baleme kuswazibwa ku lwange,
Ayi Katonda wa Isirayiri.
7 Ngumiikirizza okuvumwa ku lulwo,
n'amaaso gange ne gajjula ensonyi.
8 Nfuuse nga omugwira eri baganda bange,
munnaggwanga eri abaana ba mmange.
9 Nzijudde obuggya olw'ennyumba yo,
n'abo abakuvuma bavuma nze.
10 Bwe nkaaba ne nsiiba,
ekyo nakyo ne kinvumisa.
11 Bwe nnyambala ebibukutu ne nfuuka eky'okuzanyisa kyabwe.
12 Abo abatuula ku mulyango gw'ekibuga banduulira,
era nfuuse luyimba lw'abatamiivu.

13 Naye nze, Ayi MUKAMA, nsaba ggwe,
mu kiseera eky'ekisa kyo.
Olw'okwagala kwo okungi, onnyanukule, Ayi Katonda,
ondokole nga bwe wasuubiza.
14 Onnyinyulule mu ttosi
nneme okutubira;
omponye abankyawa,
onzigye mu mazzi amangi;
15 amataba galeme okumbuutikira
n'obuziba okunsanyaawo,

n'ennyanja ereme okummira.

16 Onnyanukule, Ayi MUKAMA olw'obulungi bw'okwagala kwo;
onkyukire olw'okusaasira kwo okungi.
17 Tokisa muddu wo maaso go; yanguwa okunziramu,
kubanga ndi mu kabi.
18 Onsemberere onziruukirire,
onnunule mu balabe bange.

19 Omanyi bwe nsekererwa, ne bwe nswazibwa ne bwe siteekebwamu kitiibwa,
era n'abalabe bange bonna obamanyi.
20 Okusekererwa kunkutudde omutima
era kummazeemu amaanyi.
Nanoonya okusaasirwa ne kumbula,
n'ow'okumpooyawooya naye nga simulaba.
21 Mu kifo ky'emmere bampa mususa,
era bwe nalumwa ennyonta bampa nkaatu.

22 Emmere yaabwe gye bategese okulya ebafuukire ekyambika,
n'embaga zaabwe ez'ebiweebwayo zibafuukire omutego.
23 Amaaso gaabwe gazibe baleme okulaba,
n'emigongo gyabwe gyewetenga ennaku zonna.
24 Bayiweeko ekiruyi kyo,
obamalewo n'obusungu obw'amaanyi go obungi.
25 Ebifo byabwe bifuuke bifulukwa,
waleme kubaawo n'omu abeera mu weema zaabwe.
26 Kubanga bayigganya oyo gw'ofumise,
ne boogera ku bulumi bw'oyo gw'olumizza.
27 Bavunaane omusango kina gumu,
era tobaganya kugabana ku bulokozi bwo.
28 Bawanduukululwe mu kitabo ky'obulamu;
baleme kulabika ku lukalala lw'abatuukirivu.

29 Ndi mu bulumi era mu nnaku;
obulokozi bwo, Ayi Katonda, bunkuume.
30 Nnaatenderezanga erinnya lya Katonda nga nnyimba;
nnaamugulumizanga n'okwebaza.
31 Kino kinaasanyusanga MUKAMA okusinga okumuwa ente ennume,
oba okumuwa seddume n'amayembe gaayo, n'ebigere byayo.
32 Abaavu banaakirabanga ne basanyuka;
mmwe abanoonya Katonda omutima gwammwe ne gubeera omulamu.
33 Kubanga MUKAMA awulira abo abali mu kwetaaga,
era ababe ne bwe baba mu busibe, tabanyooma.

34 Kale eggulu n'ensi bimutenderezenga
awamu n'ennyanja zonna n'ebyo ebizirimu.
35 Kubanga Katonda alirokola Sayuuni,
n'ebibuga bya Yuda n'abizimba buggya,
abantu ne babibeerangamu nga byabwe.
36 Abaana b'abaweereza be balikisikira;

n’abo abaagala erinnya lya MUKAMA omwo mmwe banaabeeranga.

# Zabbuli 70

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi, ey’okujjukiza.

1 Ayi Katonda oyanguwa okundokole.
Ayi MUKAMA oyanguwe okumbeera.

2 Abo abannoonya okunzita
batabulwetabulwe;
abo abannoonya okunzikiriza,
bagobebwe nga baswadde.
3 Abagamba nti, “Kasonso,”
badduke nga bajjudde ensonyi.
4 Naye bonna abakunoonya
basanyukenga bajagulizenga mu ggwe.
Abo abaagala obulokozi bwo boogerenga bulijjo nti,
“Katonda agulumizibwenga!”

5 Naye nze ndi mwavu era ndi mu kwetaaga;
oyanguwe okujja gye ndi, Ayi Katonda.
Ggwe onnyamba era ggwe ondokola,
Ayi MUKAMA, tolwa!

# Zabbuli 71

1 Mu ggwe, Ayi MUKAMA, mwe neekweka,
tondeka kuswazibwa.
2 Mu butuukirivu bwo ondokole, omponye;
ontegere okutu ondokole.
3 Onfuukire olwazi obuddukiro bwange,
ekifo eky’amaanyi;
ondokole
kubanga oli lwazi lwange era ekiddukiro kyange.
4 Ayi Katonda wange omponye mu mukono gw’ababi,
omponye abantu abatali batuukirivu era abakambwe.

5 Kubanga ggwe, Ayi MUKAMA, ggwe ssuubi lyange;
ggwe, ggwe neesiga, okuviira ddala mu buvubuka bwange.
6 Neesiga ggwe kasookedde nzalibwa;
ggwe wanziggya mu lubuto lwa mmange.
Nnaakutenderezanga ennaku zonna.
7 Eri abangi nafuuka;
naye ggwe kiddukiro kyange eky’amaanyi.
8 Akamwa kange kajjudde ettendo lyo,
nga ntenda ekitiibwa kyo obudde okuziba.

9 Tonsuula mu kiseera kyange eky’obukadde.
Tondekerera ng’amaanyi gampweddemu.
10 Kubanga abalabe bange banjogerako;
abo abaagala okunzita bansalira olukwe.
11 Bagamba nti, “Katonda amulese,
ka tumugobe tumukwate,
kubanga taliiko anaamuwonya.”

12 Ayi Katonda, tombera wala, Ayi Katonda wange,
yanguwa ojje ombeere.
13 Abo abampawaabira bazikirizibwe nga bajjudde ensonyi,
abanoonya okunnumya baswale
era banyoomebwe.

14 Naye nze nnaabanga n'essuubi ennaku zonna.
Era nneeyongeranga okukutenderezanga.

15 Akamwa kange kanaayogeranga ku bikolwa byo eby'obutuukirivu obudde okuziba;
nnaayogeranga ku bulokozi bwo,
wadde siyinza kubupima.
16 Nnaatambuliranga mu maanyi go, Ayi MUKAMA Katonda,
era ne ntegeezanga nti ggwe wekka ggwe mutuukirivu.
17 Ayi Katonda, ggwe wanjigiriza okuva mu buvubuka bwange;
n'okutuusa leero nkyatenda ebikolwa byo eby'ekitalo.
18 Ne bwe ndiba nga nkaddiye nga mmeze n'envi,
tonjabuliranga, Ayi Katonda,
okutuusiza ddala nga mmaze okutendera abo abaliddawo amaanyi go amangi,
n'okumanyisa emirembe egigenda okujja obuyinza bwo.

19 N'obutuukirivu bwo, Ayi Katonda, butuuka mu ggulu.
Ggw'okoze ebikulu,
Ayi Katonda, ani akwenkana?
20 Newaakubadde wandeka ne mbonaabona nnyo bwe ntyo,
ggw'olinzizaamu obulamu,
n'ompa amaanyi amaggya,
n'onnyimusa okuva mu kinnya ekiwanvu ennyo wansi w'ensi.
21 Olinnyongerako ekitiibwa
n'oddamu okunsanyusa.

22 Nnaakutenderezanga ne nnanga ey'enkoba
olw'obwesigwa bwo, Ayi Katonda wange;
nnaakutenderezanga n'entongooli,
Ayi ggwe Omutukuvu wa Isirayiri.
23 Nnaayimusanga eddoboozi lyange olw'essanyu
nga nkutendereza,
nze gw'onunudde!
24 Olulimi lwange nalwo lunaayogeranga ku bikolwa byo eby'obutuukirivu
obudde okuziba,
kubanga abo abababadde baagala okunkola akabi
otabuddetabudde enkwe zaabwe ne baswazibwa.

# Zabbuli 72

Zabbuli ya Sulemaani.
1 Ayi Katonda, kabaka omuwe okuba omwenkanya,
ne mutabani we omuwe obutuukirivu,
2 alyoke alamulenga abantu bo mu butuukirivu,
n'abaavu abalamulenga mu mazima.

3 Ensozi zireeterenga abantu bo okukulaakulana
n'obusozi bubaleetere obutuukirivu.
4 Anaalwaniriranga abaavu,
n'atereeza abaana b'abo abeetaaga,
n'omujoozi n'amusaanyaawo.
5 Abantu bakutyenga ng'enjuba n'omwezi gye bikoma
okwaka mu mirembe gyonna.
6 Abeere ng'enkuba bw'etonnya ku muddo ogusaliddwa,
afaanane ng'oluwandaggirize olufukirira ensi.
7 Obutuukirivu bweyongere nnyo mu mulembe gwe,
n'okufuga kwe kujjule emirembe okutuusa omwezi lwe gulikoma okwaka!

8 Afugenga okuva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja,*
n'okuva ku mugga Fulaati† okutuuka ku nkomerero z'ensi!
9 Ebika eby'omu malungu bimugonderenga,
n'abalabe be bamujeemulukukire beekulukuunye ne mu nfuufu.
10 Bakabaka b'e Talusiisi‡ n'ab'oku bizinga eby'ewala
bamuwenga omusolo;
bakabaka b'e Syeba n'ab'e Seeba§
bamutonerenga ebirabo.
11 Bakabaka bonna banaavuunamanga mu maaso ge;
amawanga gonna ganaamuweerezanga.

12 Kubanga anaawonyanga eyeetaaga bw'anaamukoowoolanga,
n'omwavu ne kateeyamba ataliiko mwasirizi.
13 Anaasaasiranga omunafu n'omwavu;
n'awonya obulamu bwa kateeyamba.
14 Anaabanunulanga mu mikono gy'omujoozi n'abawonya obukambwe bwe;
kubanga obulamu bwabwe bwa muwendo mungi gy'ali.

15 Awangaale!
Aleeterwe zaabu okuva e Syeba.
Abantu bamwegayiririrenga
era bamusabirenga emikisa buli lunaku.
16 Eŋŋaano ebale nnyingi nnyo mu nsi,
ebikke n'entikko z'ensozi.
Ebibala byayo byale ng'eby'e Lebanooni;
n'abantu baale mu bibuga ng'omuddo ogw'oku ttale.
17 Erinnya lye libeerengawo ennaku zonna,
n'okwatiikirira kwe kube kwa nkalakkalira ng'enjuba.

Amawanga gonna ganaaweebwanga omukisa ku lu lw'erinnya lye,
era abantu bonna bamuyitenga aweereddwa omukisa.

---

* **Zabbuli 72:8** Kyalowoozebwanga nti ensi yakomanga ku Nnyanja ey'Omunnyo okumpi n'Ennyanja Ennene, eya Meditereniyaani. † **Zabbuli 72:8** Omugga Fulaati gwe gwali ensalo ku luuyi olw'ebuvanjuba bwa Isirayiri, mu bufuzi bwa Sulemaani. Kyali kyasuubizibwa Abayisirayiri mu biro eby'okuva mu Misiri. ‡ **Zabbuli 72:10** Talusiisi kyali mu Esupaniya, era eyo ye yalowoozebwa okuba enkomerero y'ensi. § **Zabbuli 72:10** Syeba kiri mu Buwalabu, ate Seeba kiri mu Afirika.

18 MUKAMA Katonda agulumizibwe, Katonda wa Isirayiri,
oyo yekka akola ebyewuunyisa.
19 Erinnya lye ekkulu ligulumizibwenga emirembe n'emirembe!
Ensi yonna ejjule ekitiibwa kye.
Amiina era Amiina!

20 Okusaba kwa Dawudi mutabani wa Yese kukomye awo.

# EKITABO III

## 73

*Zabbuli 73–89*

Zabbuli ya Asafu.

1 Ddala Katonda mulungi eri Isirayiri
n'eri abo abalina omutima omulongoofu.

2 Naye nze amagulu gange gaali kumpi okutagala
era n'ebigere byange okuseerera.
3 Kubanga nakwatirwa ab'amalala obuggya;
bwe nalaba ababi nga bagaggawala nnyo.

4 Kubanga tebalina kibaluma;
emibiri gyabwe miramu era minyirivu.
5 Tebeeraliikirira kabi konna ng'abalala.
So tebalina kibabonyaabonya.
6 Amalala kyegavudde gabafuukira ng'omukuufu ogw'omu bulago,
n'obukambwe ne bubafuukira ekyambalo.
7 Bagezze n'amaaso gaabwe ne gazimbagatana;
balina bingi okusinga bye beetaaga.
8 Baduula era emboozi zaabwe zijjudde eby'okujooga.
Batiisatiisa abalala n'okubeeragirako.
9 Emimwa gyabwe gyolekedde eggulu;
n'ennimi zaabwe zoogera eby'okwewaanawaana buli wantu.
10 Abantu ba Katonda kyebava babakyukira
ne banywa amazzi mangi.
11 Era ne beebuuza nti, "Katonda bino abimanyi atya?
Ali Waggulu Ennyo abitegeera?"

12 Aboonoonyi bwe bafaanana bwe batyo;
bulijjo babeera mu ddembe, nga beeyongera kugaggawala.

13 Ddala omutima gwange ngukuumidde bwereere obutayonoona,
n'engalo zange ne nzinaaba obutaba na musango.
14 Naye mbonaabona obudde okuziba,
era buli nkya mbonerezebwa.

15 Singa ŋŋamba nti njogere bwe nti,
nandibadde mukuusa eri omulembe guno ogw'abaana bo.
16 Bwe nafumiitiriza ntegeere ensonga eyo;
nakisanga nga kizibu nnyo,
17 okutuusa lwe nalaga mu watukuvu wa Katonda,

ne ntegeera enkomerero y'ababi.

18 Ddala obatadde mu bifo ebiseerera;
obasudde n'obafaafaaganya.
19 Nga bazikirizibwa mangu nga kutemya kikowe!
Entiisa n'ebamalirawo ddala!
20 Bali ng'omuntu azuukuse n'ategeera nti yaloose buloosi;
era naawe bw'otyo, Ayi Mukama,
bw'oligolokoka olinyooma embeera yaabwe omutali nsa.

21 Omutima gwange bwe gwanyiikaala,
n'omwoyo gwange ne gujjula obubalagaze,
22 n'aggwaamu okutegeera ne nfuuka ataliiko kye mmanyi,
ne mba ng'ensolo obusolo mu maaso go.

23 Newaakubadde ebyo biri bwe bityo naye ndi naawe bulijjo;
gw'onkwata ku mukono gwange ogwa ddyo.
24 Mu kuteesa kwo onkulembera,
era olintuusa mu kitiibwa.
25 Ani gwe nnina mu ggulu, wabula ggwe?
Era tewali na kimu ku nsi kye neetaaga bwe mba naawe.
26 Omubiri gwange n'omutima gwange biyinza okulemwa;
naye Katonda ge maanyi g'omutima gwange,
era ye wange ennaku zonna.

27 Kale laba, abo bonna abatakussaako mwoyo balizikirira;
kubanga bonna abatakwesiga obamalirawo ddala.
28 Naye nze kye nsinga okwetaaga kwe kubeera okumpi ne Katonda wange.
Ayi Mukama Katonda, nkufudde ekiddukiro kyange;
ndyoke ntegeezenga abantu bonna ebikolwa byo eby'ekyewuunyo.

# Zabbuli 74

Zabbuli ya Asafu.
1 Ayi Katonda, lwaki otusuulidde ddala ennaku zonna?
Obusungu bwo lwaki bunyookera ku ndiga z'omu ddundiro lyo?
2 Ojjukire abantu bo be wagula edda;
ekika kye wanunula okuba ababo.
Ojjukire olusozi Sayuuni gye wabeeranga.
3 Tambulatambulako mu bifo by'ekibuga olabe bwe byonooneddwa!
Olabe omulabe nga bw'azikirizza ennyumba yo.

4 Abalabe bo baleekaanira mu kifo kyo gye twakuŋŋaaniranga;
ne bagenda nga bakiramba n'ebendera zaabwe.
5 Beeyisa ng'abantu ababagalidde embazzi
abatema emiti mu kibira.
6 Batemyetemye n'embazzi ebintu ebyole,
era ne babissessebbula n'obubazzi.
7 Bookezza awatukuvu wo;
ne bafaafaaganya ekifo kyo eky'Erinnya lyo.
8 Baateesa nga bagamba nti, "Tujja kubazikiririza ddala!"
Baayokya dda amasinzizo ga Katonda gonna agali mu nsi eno.

9 Tetukyalaba ku bubonero bwo; ne bannabbi tewakyali n'omu.
So tewali n'omu mu ffe ategeera ebyo lwe birikoma.
10 Ayi Katonda, omulabe alituusa ddi ng'akuduulira?
Omulabe anavvoolanga erinnya lyo ennaku zonna? Bazikirize.
11 Lwaki totuyambye n'omukono gwo ogwa ddyo?
Kiki ekikukuumisa omukono gwo ogwa ddyo mu kifuba kyo?

12 Naye ggwe, Ayi Katonda, oli Kabaka wange wa dda;
gw'oleeta obulokozi mu nsi.

13 Ggwe wayawula mu mazzi g'ennyanja;
omulabe n'omuzikiririza mu mazzi.
14 Wamenyaamenya emitwe gya lukwata ogunene;
n'oguwaayo okuba ekyokulya eri ebitonde eby'omu ddungu.
15 Ggwe wazibukula ensulo n'emyala;
ate n'okaza n'emigga
egyakulukutanga bulijjo.
16 Obudde bw'emisana bubwo, n'ekiro kikyo;
ggwe wakola omwezi n'enjuba.
17 Ggwe wateekawo ensalo z'ensi;
ggwe wakola ebiro eby'ekyeya n'eby'obutiti.

18 Jjukira ebyo, Ayi Katonda, olabe okuduula kw'omulabe,
n'abantu abasirusiru nga bwe banyoomodde erinnya lyo.
19 Ayi Katonda, towaayo mwoyo gwa jjiba lyo eri ensolo enkambwe;
so teweerabiriranga ddala bulamu bw'abantu bo ababonyaabonyezebwa.
20 Ojjukire endagaano yo;
kubanga ensi ejjudde ekizikiza n'abantu abakambwe.
21 Tokkiriza abo abajoogebwa okuwangulwa;
era leka abaavu n'abeetaaga batenderezenga erinnya lyo ennaku zonna.
22 Yimuka, Ayi Katonda, osalire abalalabe baffe omusango.
Jjukira abo abatakussaamu kitiibwa, nga bwe bakuduulira obudde okuziba.
23 Tonyooma luyoogaano lw'abalalabe bo,
n'okuleekaana okwa buli kiseera.

# Zabbuli 75

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Tozikiriza." Zabbuli ya Asafu. Oluyimba.
1 Tukwebaza, Ayi Katonda.
Tukwebaza, kubanga Erinnya lyo liri kumpi.
Abantu boogera ku bikolwa byo eby'ekyewuunyo.

2 Mukama Katonda oyogera nti, "Neerondera ekiseera kye neetegekera
era nsala omusango gwa bwenkanya.
3 Kyokka newaakubadde ng'ensi eyuuguuma abantu ne beeraliikirira,
naye nze nywezezza empagi zaayo."
4 Nalabula ab'amalala bagaleke,
n'ababi bakomye okuyimusa ejjembe lyabwe ng'ery'embogo.
5 Mukomye okuyimusa ejjembe lyammwe eri eggulu

n'okwogera nga muduula.

6 Kubanga okugulumizibwa tekuva mu ddungu
era n'obuyinza tebuva buvanjuba wadde obugwanjuba bw'ensi,
7 wabula biva eri Katonda;
era ye y'agulumiza omu ate n'atoowaza omulala.
8 MUKAMA akutte mu mukono gwe ekikompe eky'obusungu bwe
ekijjudde omwenge ogutabuddwamu ebirungo era kijjudde ejjovu;
akifuka, aboonoonyi bonna ku nsi
ne bakinywa ne bakimaliramu ddala.

9 Naye nze nnaatendanga obulungi bwa MUKAMA;
nnaatenderezanga Katonda wa Yakobo ennaku zonna.
10 MUKAMA ayogera nti, Ababi ndibamalamu amaanyi,
naye abatuukirivu nnaabongeranga amaanyi.

# Zabbuli 76

Ya Mukulu wa Bayimbi. Eyimbibwa n'ebivuga eby'enkoba. Zabbuli ya Asafu.
1 Katonda amanyiddwa mu Yuda;
erinnya lye kkulu mu Isirayiri.
2 Eweema ye eri mu Yerusaalemi;
era abeera mu Sayuuni.
3 Eyo gy'asinziira n'amenyaamenya obusaale bw'omulabe obujja bwesooza;
n'engabo n'ebitala n'ebyokulwanyisa byonna eby'olutalo.

4 Owa ekitangaala,
oli wa kitiibwa okusinga ensozi ennene eziriko ensolo eziyiggibwa.
5 Ab'amaanyi bagalamira nga banyaguluddwa,
beebaka ne batasobola kugolokoka,
ne watabaawo n'omu asobola
okuyimusa omukono gwe.
6 Bw'obaboggolera, Ayi Katonda wa Yakobo,
abeebagala embalaasi ezisika ebigaali bagwiira wamu n'ebigaali ne batagolokoka.

7 Ggwe ayi Katonda, osaanira okutiibwanga.
Ani ayinza okuyimirira mu maaso go ng'osunguwadde?
8 Osalira abantu emisango ng'osinziira mu ggulu,
ensi n'etya n'ekankana n'esirika olw'obusungu bwo,
9 bw'ogolokoka okusala omusango,
okuwonya ababonyaabonyezebwa mu nsi.
10 Bw'osunguwalira omuntu kikuleetera okutenderezebwa,
n'abo b'otasunguwalidde ne beegendereza.
11 Mweyame obweyamo bwammwe eri MUKAMA Katonda wammwe, era mubutuukirizenga;
bonna abamuli okumpi bamuleetere ebirabo,
kubanga asaanidde okutiibwa.
12 MUKAMA akkakkanya abalangira,
ne bakabaka b'ensi bamutya.

# Zabbuli 77

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Asafu.

1 Nnaakaabirira Katonda ambeere,
ddala nnaakaabirira Katonda nga musaba ampulire.
2 Bwe nnali mu nnaku, nanoonya Mukama,
ekiro kyonna ne ngolola emikono gyange obutakoowa;
emmeeme yange neegaana okusanyusibwa.

3 Nakujjukiranga, Ayi Katonda ne nsinda,
ne nfumiitiriza emmeeme yange n'ezirika.
4 Tewaŋŋanya kwebaka; natawaanyizibwa nnyo ne sisobola kwogera.
5 Ne ndowooza ku biseera eby'edda,
ne nzijukira emyaka egyayita.
6 Najjukiranga ennyimba zange ekiro,
ne nfumiitiriza nga bwe neebuuza mu mutima gwange nti:

7 "Mukama anaatusuuliranga ddala ennaku zonna
naataddayo kutulaga kisa kye?
8 Okwagala kwe okutaggwaawo kukomedde ddala?
Kye yasuubiza kibulidde ddala emirembe n'emirembe?
9 Katonda yeerabidde ekisa kye?
Asunguwalidde ddala ne yeggyako n'okusaasira kwe?"

10 Awo ne ndowooza nti, "Ebyo bye mmanyi
eby'emyaka emingi eby'omukono ogwa ddyo ogw'oyo Ali Waggulu Ennyo."
11 Nnajjukiranga ebikolwa bya Mukama,
weewaawo, nnajjukiranga ebyamagero byo eby'edda.
12 Nnaafumiitirizanga ku bikolwa byo byonna eby'amaanyi;
nnaalowoozanga ku byamagero byo byonna.
13 Ekkubo lyo, Ayi Katonda, liri mu watukuvu.
Tewali katonda yenkana Katonda waffe.
14 Ggwe Katonda akola eby'amagero;
era amaanyi go ogalaga mu mawanga.
15 Wanunula abantu bo n'omukono gwo,
abazzukulu ba Yakobo ne Yusufu.

16 Amazzi gaakulaba, Ayi Katonda;
amazzi bwe gaakulaba ne gatya,
n'obuziba ne bukankanira ddala.
17 Ebire byayiwa amazzi
ne bivaamu n'okubwatuka,
era n'obusaale bwo ne bubuna.
18 Eddoboozi lyo ery'okubwatuka lyawulirwa mu kikuŋŋunta
okumyansa kwo ne kumulisa ensi.
Ensi n'ekankana n'enyeenyezebwa.
19 Ekkubo lyo lyali mu nnyanja;
wayita mu mazzi amangi,
naye ebigere mwe walinnya tebyalabika.

20 Wakulembera abantu bo ng'ekisibo,
nga bali mu mikono gya Musa ne Alooni.

# Zabbuli 78

Oluyimba lwa Asafu.

1 Muwulire okuyigiriza kwange mmwe abantu bange,
musseeyo omwoyo ku bye njogera.
2 Ndyogerera mu ngero,
njogere ebintu eby'ekyama ebyaliwo edda,
3 ebintu bye twawulira ne tumanya;
ebintu bajjajjaffe bye baatutegeeza.
4 Tetuubikisenga baana baabwe,
naye tunaabuuliranga buli mulembe ogunnaddangawo
ebikolwa bya MUKAMA eby'ekitalo,
n'amaanyi ge n'ebyamagero bye yakola.
5 Yawa Yakobo ebiragiro,
n'ateeka amateeka mu Isirayiri;
n'alagira bajjajjaffe
babiyigirizenga abaana baabwe,
6 ab'omu mulembe oguliddirira nabo babimanye,
n'abaana abalizaalibwa,
nabo babiyigirize abaana baabwe,
7 balyoke beesigenga Katonda,
era balemenga okwerabira ebyo byonna Katonda bye yakola;
naye bagonderenga ebiragiro bye.
8 Baleme okuba nga bajjajjaabwe,
omulembe ogw'abakakanyavu
era abajeemu abatali bawulize,
ab'emyoyo egitali myesigwa eri Katonda.

9 Abaana ba Efulayimu abaalina obusaale obw'okulwanyisa,
naye ne badduka mu lutalo,
10 tebaatuukiriza ndagaano ya Katonda;
ne bagaana okugondera amateeka ga MUKAMA.
11 Beerabira ebyo bye yakola,
n'ebyamagero bye yabalaga.
12 Yakola ebyamagero mu maaso ga bajjajjaabwe nga bali
mu nsi y'e Misiri, mu kitundu kya Zowani.
13 Ennyanja yajaawulamu,
amazzi ne geetuuma ebbali n'ebbali ng'ebisenge.
14 Emisana yabakulemberanga n'ekire,
n'ekiro n'abakulemberanga n'empagi ey'omuliro.
15 Yayasa enjazi mu ddungu,
n'abawa amazzi amangi agaali ng'agava mu buziba bw'ennyanja.
16 Yaggya ensulo mu lwazi,
n'akulukusa amazzi ng'emigga.

17 Naye bo ne beeyongera bweyongezi okwonoona,
ne bajeemera Oyo Ali Waggulu Ennyo nga bali mu ddungu.
18 Ne bagezesa Katonda mu bugenderevu,
nga bamusaba emmere gye baalulunkanira.
19 Era ne boogera ku Katonda; nga bagamba nti,
"Katonda asobola okutuliisiza mu ddungu?
20 Weewaawo yakuba olwazi,

amazzi ne gakulukuta ng’emigga;
naye anaatuwa emmere?
Anaawa abantu be ennyama?”
21 Awo MUKAMA bwe yawulira ebyo n’asunguwala nnyo;
omuliro gwe ne gwaka ku Yakobo,
n’obusungu bwe ne bubuubuukira ku Isirayiri.
22 Kubanga tebakkiriza Katonda,
era tebeesiga maanyi ge agalokola.
23 Naye era n’alagira eggulu;
n’aggulawo enzigi z’omu ggulu.
24 N’abaweereza maanu okuva mu ggulu balye.
Yabawa emmere eyava mu ggulu.
25 Abantu ne balya emmere ya bamalayika;
MUKAMA n’abawanga emmere nnyingi eyabamaliranga ddala.
26 N’akunsa empewo ey’Ebuvanjuba okuva mu ggulu,
era n’aweereza empewo okuva obukiika obwaddyo n’amaanyi ge.
27 Yatonnyesa ennyama okuva mu ggulu ennyingi ennyo ng’enfuufu;
n’abaweereza n’obunyonyi enkumu ennyo ng’omusenyu gw’okulubalama lw’ennyanja.
28 Ebyokulya ebyo n’abisuula wakati mu lusiisira lwabwe;
okwetooloola eweema zaabwe.
29 Awo ne balya ne bakkuta nnyo;
kubanga yabawa kye baali bayaayaanira.
30 Naye bwe baali nga bakyalulunkana,
nga n’emmere ekyali mu kamwa kaabwe,
31 obusungu bwa MUKAMA ne bubabuubuukirako,
n’abattamu abasajja abasinga amaanyi;
abavubuka ba Isirayiri ne bazikirizibwa.

32 Naye newaakubadde ebyo byonna byabatuukako, kyokka beeyongera okwonoona;
newaakubadde nga yabakolera ebyamagero, naye tebakkiriza.
33 MUKAMA kyeyava asala ku myaka gyabwe,
n’abaleetako okuzikirizibwa okw’amangu era okw’entiisa.
34 Bwe yattanga abamu ku bo, ne balyoka bamunoonya,
ne beenenya ne badda gy’ali.
35 Ne bajjukira nti Katonda lwe Lwazi lwabwe;
era nti Katonda Ali Waggulu Ennyo ye Mununuzi waabwe.
36 Kyokka baamuwaananga n’emimwa gyabwe,
nga bwe bamulimba n’ennimi zaabwe,
37 so tebaali beesigwa mu mitima gyabwe,
era nga tebatuukiriza ndagaano ye.
38 Naye ye n’abakwatirwanga ekisa
n’abasonyiwanga,
n’atabazikiriza;
emirundi n’emirundi ng’akoma ku busungu bwe,
n’atabamalirako kiruyi kye okubazikiririza ddala.
39 Yajjukira nga baali mubiri bubiri;
ng’empewo egenda n’etedda!

40 Baamujeemeranga nnyo bwe baali mu ddungu;
ne banakuwaza nnyo omutima gwe.

41 Ne baddamu ne bakema Katonda,
ne banyiiza Omutukuvu wa Isirayiri.
42 Tebajjukira buyinza bwe;
wadde olunaku lwe yabanunulirako mu mikono gy'omulabe;
43 bwe yalaga obubonero bwe mu Misiri,
n'ebyamagero bye mu kitundu kya Zowani,
44 yafuula amazzi g'emigga gyabwe omusaayi,
ne batanywa mazzi gaagyo.
45 Yabaweereza agabinja g'ensowera ne zibaluma,
n'abaweereza n'ebikere ne bibadaaza.
46 Ebirime n'ebibala byabwe yabiwa enzige
ne bulusejjera.
47 Yazikiriza emizabbibu gyabwe n'omuzira,
era ne gukuba n'emisukomooli gyabwe.
48 Yatta ente zaabwe n'amayinja g'omuzira;
n'ebisibo byabwe ne bittibwa eraddu.
49 Obusungu bwe obungi bwababuubuukirako,
n'ekiruyi kye n'obukambwe ne bibamalamu ensa.
N'alyoka abasindikira ekibinja kya bamalayika okubazikiriza.
50 Yabalaga obusungu bwe,
n'atabasonyiwa kufa,
n'abasindikira kawumpuli.
51 Yatta ababereberye bonna ab'omu Misiri,
nga be bavubuka ab'ebibala ebibereberye eby'omu nnyumba ya Kaamu.
52 N'alyoka afulumya abantu be ng'endiga,
n'abatambuza mu ddungu ng'ekisibo.
53 N'abaluŋŋamya mu mirembe nga tebatya,
ennyanja n'esaanyaawo abalabe baabwe.
54 N'abatuusa ku nsalo y'ensi entukuvu;
ku lusozi lwe yeewangulira, n'omukono gwe ogwa ddyo.
55 Yagobamu amawanga nga balaba,
n'abagabanyiza ebitundu by'ensi eyo;
n'atuuza bulungi ebika bya Isirayiri mu maka gaabyo.
56 Naye era ne bakema Katonda;
ne bamujeemera oyo Ali Waggulu Ennyo,
ne bagaana okugondera ebiragiro bye.
57 Ne bamuvaako ne baba bakuusa nga bajjajjaabwe bwe baali,
ne baggwaamu obwesigwa ng'omutego gw'obusaale omukyamu.
58 Kubanga baasunguwaza Katonda olw'ebifo ebigulumivu bo bye beegunjira okusinzizangamu,
ne bamukwasa obuggya olwa bakatonda baabwe abalala.
59 Katonda bwe yabiraba n'asunguwala nnyo, n'aviira ddala ku Isirayiri.
60 N'ava mu weema ey'omu Siiro*,
eweema mwe yabeeranga ng'ali mu bantu be.
61 N'awaayo amaanyi ge mu busibe,
n'ekitiibwa kye n'akiwaayo eri omulabe.
62 Abantu be yabaleka ne battibwa n'ekitala,

---

* **Zabbuli 78:60** Siiro kye kyali ekifo ekitukuvu awasinzibwanga edda mu biro bya Yoswa. Kyali mu bitundu bya Efulayimu wakati wa Beseri ne Sekemu. Essanduuko y'Endagaano yaterekebwanga eyo okutuusa mu biro bya Samwiri; kyokka Abafirisuuti baakizikiriza

n’asunguwalira omugabo gwe.
63 Omuliro ne gusaanyaawo abavubuka baabwe abalenzi,
ne bawala baabwe ne babulwa ow’okubawasa.
64 Bakabona baabwe battibwa n’ekitala, ne bannamwandu baabwe tebaasobola kubakungubagira.

65 Awo Mukama n’alyoka agolokoka ng’ali nga ava mu tulo,
ng’omusajja omuzira azuukuka mu tulo ng’atamidde.
66 N’akuba abalabe be ne badduka;
n’abaswaza emirembe gyonna.
67 Mukama yaleka ennyumba ya Yusufu,
n’ekika kya Efulayimu n’atakironda;
68 naye n’alonda ekika kya Yuda,
lwe lusozi Sayuuni lwe yayagala.
69 N’azimba awatukuvu we ne wagulumira ng’ensozi empanvu;
ne waba ng’ensi gye yanyweza emirembe gyonna.
70 Yalonda Dawudi omuweereza we;
n’amuggya mu kulunda endiga.
71 Ave mu kuliisa endiga,
naye alundenga Yakobo, be bantu be,
era alabirirenga Isirayiri omugabo gwe, gwe yeerondera.
72 N’abalabirira n’omutima ogutaliimu bukuusa,
n’abakulembera n’amagezi g’emikono gye.

# Zabbuli 79

Zabbuli ya Asafu.
1 Ayi Katonda omugabo gwo gulumbiddwa amawanga;
boonoonye yeekaalu yo entukuvu ne Yerusaalemi kizikiriziddwa,
ne kifuuka entuumo.
2 Emirambo gy’abaweereza bo bagifudde
mmere ya nnyonyi ez’omu bbanga,
n’emibiri gy’abatukuvu bo giweereddwa ensolo ez’omu nsiko.
3 Omusaayi gwabwe ne guyiibwa ng’amazzi
okwetooloola Yerusaalemi,
so nga abafudde tewali muntu abaziika.
4 Baliraanwa baffe batuyisaamu amaaso,
era tufuuse ekisekererwa eri abo abatwetoolodde.

5 Ayi Mukama olitusunguwalira kutuusa ddi, nnaku zonna?
Obuggya bwo bunaabuubuukanga ng’omuliro?
6 Obusungu bwo bubuubuukire ku mawanga
agatakumanyi,
ne ku bwakabaka
obutakoowoola linnya lyo.
7 Kubanga bazikirizza Yakobo,
ne basaanyaawo ensi ye.

8 Totubalira kibi kya bajjajjaffe;
tukusaba oyanguwe okutusaasira
kubanga tuli mu bwetaavu bungi nnyo.
9 Tuyambe olw’ekitiibwa ky’erinnya lyo,
Ayi Katonda ow’obulokozi bwaffe;

otuwonye era otutangiririre olw'ebibi byaffe
olw'erinnya lyo.
10 Lwaki abamawanga babuuza nti,
"Katonda waabwe ali ludda wa?"

Kkiriza okuwalana eggwanga olw'omusaayi gw'abaweereza bo ogwayiy-
ibwa,
kumanyibwe mu mawanga gonna nga naffe tulaba.
11 Wuliriza okusinda kw'omusibe;
okozese omukono gwo ogw'amaanyi
owonye abo abasaliddwa ogw'okufa.
12 Ayi Mukama, baliraanwa baffe abakuduulira,
bawalane emirundi musanvu.
13 Kale nno, ffe abantu bo era endiga ez'omu ddundiro lyo,
tulyoke tukutenderezenga emirembe gyonna;
buli mulembe gulyoke gukutenderezenga emirembe gyonna.

# Zabbuli 80

Ya Mukulu wa Bayimbi. Ku ddoboozi, "Amalanga g'Endagaano." Zabbuli ya Asafu.
1 Wulira, Ayi Omusumba wa Isirayiri;
ggwe akulembera Yusufu ng'alunda ekisibo kyo;
ggwe atudde ku ntebe ey'obwakabaka mu bakerubi, twakire.
2 Amaanyi go galabike mu Efulayimu,
ne mu Benyamini ne mu Manase,*
ojje otulokole.

3 Tukomyewo gy'oli, Ayi Katonda,
otutunuulize amaaso ag'ekisa,
otulokole.

4 Ayi Katonda, MUKAMA ow'Eggye,
olituusa ddi okusunguwalira okusaba kw'abantu bo?
5 Wabaliisa emmere ejjudde amaziga;
n'obanywesa ebikopo by'amaziga musera.
6 Otufudde eky'okusekererwa mu baliraanwa baffe,
n'abalabe baffe ne batuduulira.

7 Tukomyewo gy'oli, Ayi MUKAMA ow'Eggye,
otutunuulize amaaso go ag'ekisa,
tulokolebwe.

8 Waleeta omuzabbibu ng'oguggya mu Misiri;
n'ogobamu amawanga agaali mu nsi muno n'ogusimba.
9 Wagulongooseza ettaka, ne gumera,
emirandira ne ginywera bulungi, ne gwagaagala mu nsi.
10 Ekisiikirize kyagwo ne kibikka ensozi,
n'amatabi gaagwo ne gaba ng'emivule egy'amaanyi.
11 Amatabi gaagwo ne gatuuka ku Nnyanja eya Wakati

* **Zabbuli 80:2** Ebika ebyo ebisatu, bazzukulu ba Lakeeri; baagoberera Essanduuko y'Endagaano nga bakumba okulaga mu nsi ensuubize.

n’amatabi g’ennyanja gaayo ne gatuuka ku Mugga Fulaati.

12 Kale wamenyera ki ebisenge byagwo,
abayitawo bonna ne beenogera ebibala byagwo?
13 Embizzi ez’omu kibira zigwonoona,
na buli nsolo ey’omu nsiko egulya.
14 Tukyukire, Ayi Katonda ow’Eggye,
otunuulire ensi ng’osinziira mu ggulu;
olabirire omuzabbibu guno.
15 Gwe wagwesimbira n’omukono gwo ogwa ddyo,
era ggwe weerondera omwana wo.

16 Bagutemye, ne bagwokya omuliro;
abakoze ekyo banenye mu bukambwe, obazikirize.
17 Naye muwe amaanyi omusajja oyo gw’oyagala
era omwana oyo gwe weerondera.
18 Bwe tutyo tuleme okukuvaako, n’okukukuba amabega.
Otuzzeemu amaanyi, naffe tunaakoowoolanga erinnya lyo.

19 Otukomyewo gy’oli, Ayi Mukama Katonda ow’Eggye,
otutunuulize amaaso go ag’ekisa,
tulyoke tulokolebwe.

# Zabbuli 81

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Asafu.
1 Mumuyimbire nnyo n’essanyu Katonda amaanyi gaffe;
muyimuse waggulu amaloboozi gammwe eri Katonda wa Yakobo!
2 Mutandike okuyimba, mukube ebitaasa
n’ennanga evuga obulungi ey’enkoba awamu n’entongooli.
3 Mufuuwe eŋŋombe ng’omwezi gwakaboneka,
era mugifuuwe nga gwa ggabogabo, ku lunaku olw’embaga yaffe.
4 Ekyo kye kiragiro eri Isirayiri,
lye tteeka lya Katonda wa Yakobo.
5 Yaliteekera Yusufu,
Katonda bwe yalumba ensi ya Misiri;
gye nawulirira olulimi olwannema okutegeera.

6 “Nnamutikkula omugugu okuva ku kibegabega kye;
n’emikono gye ne ngiwummuza okusitula ebisero.
7 Mwankoowoola nga muli mu nnaku ne mbadduukirira ne mbawonya,
nabaanukulira mu kubwatuka mu kire;
ne mbagezesa ku mazzi ag’e Meriba.
8 Muwulire, mmwe abantu bange, nga mbalabula.
Singa onompuliriza, ggwe Isirayiri!
9 Temubeeranga na katonda mulala,
wadde okuvuunamira katonda omulala yenna.
10 Nze Mukama Katonda wo,
eyakuggya mu nsi y’e Misiri.
Yasamya akamwa ko, nange nnaakajjuza.

11 “Naye abantu bange tebampuliriza;

Isirayiri teyaŋŋondera.
12 Nange ne mbawaayo eri obujeemu bw'omutima gwabwe,
okugoberera ebyo bye baagala.

13 "Singa abantu bange bampuliriza;
singa Isirayiri agondera ebiragiro byange,
14 mangwago nandirwanyisizza abalabe baabwe,
ne mbawangula.
15 Abo abakyawa MUKAMA ne beegonza gy'ali;
ekibonerezo kyabwe kya mirembe gyonna.
16 Naye ggwe, Isirayiri, nandikuliisizza eŋŋaano esingira ddala obulungi,
ne nkukkusa omubisi gw'enjuki nga guva mu lwazi."

# Zabbuli 82

Zabbuli ya Asafu.
1 Katonda akubiriza olukiiko lwe olukulu olw'omu ggulu,
ng'alamula bakatonda.

2 Mulituusa ddi okusala emisango n'obukuusa,
nga musalira abanafu?
3 Abanafu n'abatalina bakitaabwe mubalamulenga mu bwenkanya;
abaavu n'abanyigirizibwa mubayambenga mu bwenkanya.
4 Mulwanirire abatalina maanyi n'abali mu kwetaaga, mubawonye;
mubanunule nga mubaggya mu mikono gy'ababi.

5 Tebalina kye bamanyi, era tebategeera.
Batambulira mu kizikiza;
emisingi gy'ensi gyonna ginyeenyezebwa.

6 Njogedde nti, Muli bakatonda,
era mwenna muli baana b'oyo Ali Waggulu Ennyo.
7 "Naye mugenda kufa ng'abantu obuntu;
muliggwaawo ng'abafuzi abalala bonna bwe baggwaawo."

8 Ogolokoke, Ayi Katonda, olamule ensi;
kubanga amawanga gonna gago.

# Zabbuli 83

Oluyimba. Zabbuli ya Asafu.
1 Ayi Katonda, tosirika busirisi n'etebaayo kanyego.
Tosirika, Ayi Katonda, n'otobaako ky'okola.
2 Wuliriza oluyoogaano oluva mu balabe bo;
abo abaagala okukulwanyisa bali mu keetalo.
3 Bateesa n'obujagujagu okulumba abantu bo;
basalira enkwe abo b'oyagala ennyo.
4 Bagamba nti, "Mujje eggwanga lyabwe tulizikirize,
n'erinnya lya Isirayiri lireme okujjukirwanga emirembe gyonna!"

5 Basala olukwe n'omwoyo gumu;
beegasse wamu bakulwanyise.
6 Abantu b'omu weema za Edomu, n'ez'Abayisimayiri,

n'eza Mowaabu, n'Abakagale;
7 Gebali ne Amoni, ne Amaleki,
n'Abafirisuuti n'abantu b'omu Ttuulo.
8 Era ne Asiriya yeegasse nabo,
okuyamba bazzukulu ba Lutti.

9 Bakoleko nga bwe wakola Midiyaani,
era nga bwe wakola Sisera ne Yabini* ku mugga Kisoni,
10 abaazikiririra mu Endoli
ne bafuuka ng'obusa ku ttaka.
11 Abakungu baabwe bafuule nga Olebu ne Zeebu,†
n'abalangira baabwe bonna bafuuke nga Zeba ne Zalumunna,
12 abaagamba nti, "Ka tutwale
amalundiro ga Katonda, tugeefunire."

13 Ayi Katonda wange, bafuumuule ng'enfuufu,
obasaasaanye ng'ebisusunku mu mbuyaga.
14 Ng'omuliro bwe gwokya ekibira;
n'ennimi z'omuliro ne zikoleeza ensozi,
15 naawe bw'otyo bw'oba obawondera n'omuyaga gwo,
obatiise ne kibuyaga wo ow'amaanyi.
16 Baswaze nnyo,
balyoke banoonyenga erinnya lyo, Ayi MUKAMA.

17 Bajjule ensonyi n'okutya,
bazikirire nga baswadde nnyo.
18 Balyoke bategeere nti, Ggwe wekka, Ayi MUKAMA, ggw'oyitibwa *Yakuwa*,
gw'obeera waggulu ennyo ng'ofuga ensi yonna.

# Zabbuli 84

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Eweema zo nga nnungi,
Ayi MUKAMA ow'Eggye!
2 Omwoyo gwange guyaayaana,
gwagala na kuzirika,
olw'empya za MUKAMA,
omutima gwange n'omubiri gwange bikoowoola Katonda omulamu.
3 Weewaawo,
ne nkazaluggya yeekoledde ekisu,
n'akataayi ennyumba mwe binaakulizanga abaana baabyo
awo okumpi n'Ebyoto byo,
Ayi MUKAMA Ayinzabyonna, Kabaka wange, era Katonda wange.
4 Balina omukisa ababeera mu nnyumba yo,
banaakutenderezanga.

5 Alina omukisa omuntu eyeesiga amaanyi go,
era assaayo omwoyo okutambulira mu makubo go.
6 Bayita mu kiwonvu Baka,

* **Zabbuli 83:9** Yabini yali kabaka w'Abakanani, ate nga Sisera mutabani we. Yawangulibwa Debola † **Zabbuli 83:11** Olebu ne Zeebu baali bakabaka b'Abamidiyaani, Gidyoni be yawangula

ne bakifuula ekifo ky'ensulo;
n'enkuba ya ddumbi n'ejjuza ebidiba byakyo.
7 Bagenda beeyongera amaanyi,
okutuusa lwe batuuka mu maaso ga Katonda mu Sayuuni.

8 Wulira okusaba kwange, Ayi MUKAMA Katonda ow'Eggye;
mpuliriza, Ayi Katonda wa Yakobo.
9 Ayi Katonda, Engabo yaffe,
tunuulira kabaka wo n'okusaasira oyo gwe wafukako amafuta.

10 Okumala olunaku olumu mu mpya zo,
kisinga okubeera emyaka olukumi mu bifo ebirala.
Njagala okuba omuggazi mu nnyumba ya Katonda wange,
okusinga okubeeranga mu weema z'abakola ebibi.
11 Kubanga MUKAMA Katonda ye njuba yaffe era ye ngabo yaffe;
atuwa emikisa gye awamu n'ekitiibwa;
tewaliiwo kirungi na kimu ky'ataawa
abo abatambulira mu makubo ge nga tebaliiko kyakunenyezebwa.

12 Ayi MUKAMA ow'Eggye
alina omukisa omuntu akwesiga.

# Zabbuli 85

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Ensi yo ogikoledde ebyekisa Ayi MUKAMA;
Yakobo omuddizza ebibye.
2 Abantu bo obasonyiye ebyonoono byabwe,
n'ebibi byabwe byonna n'obibikkako.
3 Ekiruyi kyo kyonna okirese,
n'oleka n'obusungu bwo obubuubuuka.

4 Tukomyewo gy'oli, Ayi Katonda w'obulokozi bwaffe,
oleke okutusunguwalira.
5 Onootusunguwaliranga emirembe gyonna?
Onootunyiigiranga emirembe n'emirembe?
6 Tolituzaamu ndasi,
abantu bo basanyukirenga mu ggwe?
7 Tulage okwagala kwo okutaggwaawo Ayi Katonda,
era otuwe obulokozi bwo.

8 Nnaawulirizanga MUKAMA Katonda by'agamba;
asuubiza abantu be, be batukuvu be, okubawa emirembe;
naye tebaddayo mu byonoono byabwe.
9 Ddala ddala obulokozi bwe busemberera abo abamutya,
ensi yaffe n'eryoka ejjula ekitiibwa kye.

10 Okwagala n'obwesigwa bisisinkanye;
obutuukirivu n'emirembe binywegeraganye.
11 Obwesigwa bulose mu nsi,
n'obutukuvu ne butunuulira ensi nga businzira mu ggulu.
12 Ddala ddala Katonda anaatuwanga ebirungi,

n'ensi yaffe eneebalanga ebibala bingi.
13 Obutuukirivu bunaamukulemberanga,
era bunaateekateekanga ekkubo mw'anaayitanga.

# Zabbuli 86

Okusaba kwa Dawudi.
1 Otege okutu kwo, Ayi Mukama, owulire okusaba kwange, onnyanukule,
kubanga ndi mwavu atalina kintu.
2 Okuume obulamu bwange, kubanga nkuweereza n'obwesigwa.
Katonda wange, ondokole
nze omuddu wo akwesiga.
3 Onsaasire, Ayi Mukama,
kubanga olunaku lwonna nsiiba nkukoowoola.
4 Osanyuse omuweereza wo Ayi Mukama;
kubanga omwoyo gwange
nguyimusa eyo gy'oli.

5 Ddala ddala olina ekisa era osonyiwa, Ayi Mukama;
n'abo bonna abakukoowoola obaagala nnyo.
6 Owulire okusaba kwange, Ayi Mukama;
owulirize eddoboozi erikaabirira ekisa kyo.
7 Bwe nnaabanga mu buzibu nnaakukoowoolanga;
kubanga ononnyanukulanga.

8 Mu bakatonda bonna tewali ali nga ggwe, Ayi Mukama;
era teriiyo akola bikolwa ng'ebibyo.
9 Ayi Mukama amawanga gonna ge watonda
ganajjanga mu maaso go ne gakusinza;
era ne bagulumiza erinnya lyo ery'ekitiibwa.
10 Kubanga oli mukulu, era okola ebyewunyisa;
ggwe wekka ggwe Katonda.

11 Onjigirize ekkubo lyo, Ayi Mukama,
ntambulirenga mu mazima go;
ompe omutima omunywevu ogutasagaasagana,
ntyenga erinnya lyo.
12 Nnaakutenderezanga, Ayi Mukama Katonda wange, n'omutima gwange
gwonna;
erinnya lyo nnaaligulumizanga emirembe gyonna.
13 Okwagala kwo okutaggwaawo kungi nnyo gye ndi;
wawonya omwoyo gwange amagombe.

14 Ayi Katonda, ab'amalala bannumba,
ekibinja ky'abantu abataliimu kusaasira bannoonya okunzita,
be bantu abatakufiirako ddala.
15 Naye ggwe, Mukama Katonda oli musaasizi era ow'ekisa,
olwawo okusunguwala, ojjudde okwagala n'obwesigwa.
16 Onkyukire, onsaasire,
ompe amaanyi go nze omuweereza wo;
nze omwana w'omuweereza wo omukazi ondokole.
17 Nkolera akabonero akalaga ebirungi byo,
abalabe bange bakalabe baswale;

kubanga ggwe, Ayi MUKAMA, onnyambye era onzizizzaamu amaanyi.

# Zabbuli 87

Zabbuli ya Batabani ba Koola. Oluyimba.
1 Atadde emisingi gye ku lusozi olutukuvu.
2 MUKAMA ayagala emiryango gya Sayuuni
okusinga ennyumba zonna eza Yakobo.

3 Ebintu eby'ekitiibwa bikwogerwako,
ggwe ekibuga kya Katonda.
4 "Mu mawanga ge mmanyi mwe muli Lakabu,
ne Babulooni;
era ndyogera ku Bufirisuuti, ne ku Ttuulo
ne ku Esiyopya nti, 'Ono yazaalirwa mu Sayuuni.' "
5 Bwe baliba boogera ku Sayuuni baligamba nti,
"Ono n'oli baazaalirwa omwo,"
n'oyo Ali Waggulu Ennyo alikinyweza.
6 MUKAMA aliwandiika mu kitabo bw'ati,
omuli amannya g'abantu nti, "Ono yazaalibwa omwo."

7 Banaakubanga ebivuga nga bwe bayimba nti,
"Ensulo zange zonna ziri mu ggwe."

# Zabbuli 88

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Batabani ba Koola.
1 Ayi MUKAMA Katonda, Omulokozi wange,
nkaaba emisana n'ekiro mu maaso go.
2 Kkiriza okusaba kwange kutuuke gy'oli;
otege okutu kwo nga nkukoowoola.

3 Kubanga emmeeme yange ejjudde ebizibu,
era nsemberedde okufa.
4 Mbalirwa mu abo abaserengeta emagombe;
nfaanana ng'omuntu atalina maanyi.
5 Bandese wano ng'afudde,
nga ndi ng'abo be basse abalinda obulinzi entaana,
nga tokyaddayo kubajjukira,
era nga tewakyali kya kubakolera.

6 Ontadde mu kinnya ekisinga obuwanvu,
era eky'ekizikiza ekikutte ennyo.
7 Obusungu bwo bumbuubuukiddeko nnyo,
ng'ennyanja esiikuuse n'amayengo gaayo ne gankuba okusukkirira.
8 Ab'emikwano abasingira ddala okunjagala obammazeeko,
n'onfuula ekyenyinyalwa gye bali.
Nsibiddwa, so sisobola kwesumattula.
9 Amaaso gange gayimbadde olw'ennaku.

Nkukoowoola buli lunaku, Ayi MUKAMA,
ne ngolola emikono gyange gy'oli nga nkwegayirira.
10 Ebyamagero byo onoobikoleranga bafu?

Abafudde banaagolokokanga ne bakutendereza?
11 Okwagala kwo onookulaganga abali emagombe
n'obwesigwa bwo abo abali mu kifo eky'okuzikirira?
12 Ebyamagero byo binaamanyibwanga mu kifo ekyo eky'ekizikiza?
Oba ebikolwa byo eby'obutuukirivu bwo bye binaamanyibwanga mu nsi eyamala edda okwerabirwa?

13 Naye nze, Ayi MUKAMA, naakabiriranga ggwe okunnyamba;
buli nkya okusaba kwange kunaatuukanga gy'oli.
14 Ayi MUKAMA, onsuulidde ki?
Onkwekedde ki amaaso go?

15 Ombonyaabonyezza okuviira ddala mu buvubuka bwange, era nga mbeera kumpi n'okufa;
ngumiikirizza nnyo entiisa yo, era kaakano mpweddemu essuubi.
16 Obusungu bwo obubuubuuka bunzigwereddeko era bunzikkiriza.
Entiisa yo tendeseemu ka buntu.
17 Binzingiza nga mukoka olunaku lwonna;
binsaanikiridde ddala.
18 Ommazeeko ab'emikwano n'abo abanjagala ennyo;
nsigazza nzikiza yokka.

# Zabbuli 89

Endagaano ya Katonda ne Dawudi.
1 Nnaayimbanga ku kwagala kwo okungi, Ayi MUKAMA, emirembe gyonna.
Nnaatenderezanga obwesigwa bwo n'akamwa kange, bumanyibwe ab'emirembe gyonna.
2 Ddala ddala nnaategeezanga nti okwagala kwo tekuggwaawo ennaku zonna;
n'obwesigwa bwo bunywevu ng'eggulu.
3 Nakola endagaano n'omulonde wange;
nalayirira omuweereza wange Dawudi nti,
4 "Ezadde lyo nnaalinywezanga ennaku zonna,
era entebe yo ey'obwakabaka nnaaginywezanga emirembe gyonna."

5 Eggulu linaatenderezanga ebyamagero byo n'obwesigwa bwo,
Ayi MUKAMA, mu kibiina ky'abatukuvu bo.
6 Kale, mu ggulu waggulu, ani ageraageranyizika ne MUKAMA?
Ani afaanana nga MUKAMA, mu abo ababeera mu ggulu?
7 Katonda atiibwa nnyo mu lukiiko olw'abatukuvu;
era wa ntiisa okusinga bonna abamwetooloola.
8 Ayi MUKAMA Katonda ow'Eggye, ani akufaanana?
Oli wa buyinza, Ayi MUKAMA, ojjudde obwesigwa.
9 Ggwe ofuga amalala g'ennyanja;
amayengo gaayo bwe geekuluumulula ogakkakkanya.
10 Lakabu wamubetentera ddala;
abalabe bo n'obasaasaanya n'omukono gwo ogw'amaanyi.
11 Eggulu liryo, n'ensi yiyo;
ensi yonna gwe wagitonda ne byonna ebigirimu.
12 Watonda obukiikakkono n'obukiikaddyo;
ensozi Taboli ne Kerumooni zitendereza erinnya lyo.

13 Oli wa buyinza bungi nnyo; omukono gwo gwa maanyi,
omukono gwo ogwa ddyo gunaagulumizibwanga.

14 Obutuukirivu n'obwenkanya gwe musingi gw'obwakabaka bwo.
Okwagala n'obwesigwa bye binaakukulemberanga.
15 Balina omukisa abantu abamanyi okukutendereza MUKAMA n'amaloboozi ag'essanyu;
Ayi MUKAMA, banaatambuliranga mu ssanyu lyo.
16 Banaasanyukiranga mu linnya lyo okuzibya obudde,
n'obutuukirivu bwo banaabugulumizanga.
17 Kubanga gw'obawa amaanyi ne bafuna ekitiibwa.
Olw'okwagala kwo otutuusa ku buwanguzi olw'ekisa kyo.
18 Ddala ddala, MUKAMA ye ngabo yaffe,
Omutukuvu wa Isirayiri kabaka waffe.

19 Mu biro biri eby'edda wayogera n'omuweereza wo
omwesigwa mu kwolesebwa nti, Ngulumizizza omuzira ow'amaanyi; ngulumizizza omuvubuka
okuva mu bantu abaabulijjo.
20 Nalaba Dawudi, omuweereza wange;
ne mufukako amafuta gange amatukuvu okuba kabaka.
21 Nnaamukulemberanga,
n'omukono gwange gunaamunywezanga.
22 Tewaliba mulabe we alimuwangula,
so n'aboonoonyi tebaamunyigirizenga.
23 Abalabe be n'abamukyawa ndibamerengula,
n'amaggye agamulwanyisa ndigabetenta.
24 Obwesigwa bwange n'okwagala kwange kunaabanga naye,
ne mu linnya lyange aneeyongeranga okuba ow'amaanyi.
25 Alifuga okuva ku migga
okutuuka ku nnyanja ennene.*
26 Anankowoolanga ng'agamba nti, Ggwe Kitange era Katonda wange,
ggwe Lwazi olw'Obulokozi bwange.
27 Ndimufuula omwana wange omubereberye,
era kabaka asinga okugulumizibwa mu bakabaka bonna ab'ensi.
28 Okwagala kwange kunaabeeranga naye ennaku zonna;
n'endagaano gye nkoze naye teeremenga kutuukirira.
29 Ezzadde lye teririggwaawo emirembe gyonna,
n'obwakabaka bunaavanga mu kika kye ennaku zonna.

30 Abaana be bwe banaanyoomanga amateeka gange,
ne batagoberera biragiro byange;
31 bwe banaamenyanga ebiragiro byange,
ne batagondera mateeka gange,
32 ndibabonereza n'omuggo olw'ebibi byabwe,
ne mbakuba emiggo olw'ebyonoono byabwe.
33 Naye ssirirekayo kumwagala,
wadde okumenyawo obwesigwa bwange gy'ali.

* **Zabbuli 89:25** Ennyanja eyogerwako wano ye ya Meditereniyaani, n'emigga gya Fulaati n'amatabi gaayo. Eyo ye yali ensalo ey'ensi eyasuubizibwa Dawudi ne Sulemaani.

34 Sigenda kulemwa kutuukiriza ndagaano yange,
wadde okukyusa ku ebyo akamwa kange bye koogedde.
35 Nalayira omulundi gumu, ng’obutuukirivu bwange bwe buli,
nti, “Dawudi sigenda kumulimba.”
36 Ezzadde lye teririggwaawo emirembe gyonna;
n’entebe ye ey’obwakabaka enaabeerangawo emirembe gyonna okufaanana ng’enjuba.
37 Entebe ye ey’obwakabaka erinywezebwa emirembe n’emirembe,
ng’omwezi ku ggulu era nga ye mujulirwa wange omwesigwa.

38 Naye kaakano, gwe wafukako amafuta omusudde,
omukyaye era omunyiigidde.
39 Endagaano gye wakola n’omuweereza wo wagimenyawo,
n’engule ye n’ogisuula eri mu nfuufu.
40 Wamenyaamenya bbugwe we yenna,
n’oggyawo n’ebigo bye.
41 Abatambuze baanyaga ebintu bye;
n’afuuka ekisekererwa mu baliraanwa be.
42 Wayimusa omukono gw’abalabe be ogwa ddyo,
n’osanyusa abalabe be bonna.
43 Wakyusa ekitala kye
n’otomuyamba mu lutalo.
44 Ekitiibwa kye wakikomya;
entebe ye ey’obwakabaka n’ogisuula wansi.
45 Ennaku z’obuvuka bwe wazisalako,
n’omuswaza.
46 Ayi Mukama, olyekweka ennaku zonna?
Obusungu bwo obubuubuuka ng’omuliro bulikoma ddi?
47 Jjukira ekiseera ky’obulamu bwange nga bwe kiri ekimpi.
Wateganira bwereere okutonda abantu bonna!
48 Muntu ki omulamu atalifa, omuntu asobola okwewonya okufa
n’awangula amaanyi g’emagombe?
49 Ayi Mukama, okwagala kwo okw’edda okutaggwaawo,
kwe walayirira Dawudi mu bwesigwa bwo, kuli luuyi wa?
50 Ayi Mukama, jjukira abaweereza bo nga basekererwa,
engeri abantu ab’omu mawanga amangi, bwe banzitoowerera mu mutima nga banvuma;
51 abalabe bo banvuma, Ayi Mukama;
ne bajerega oyo gwe wafukako amafuta, nga bamukijjanya buli gy’alaga.

52 Mukama atenderezebwenga emirembe gyonna!
Amiina era Amiina!

# EKITABO IV

## 90

*Zabbuli 90–106*

Okusaba kwa Musa, omusajja wa Katonda.
1 Ayi Mukama, obadde kifo kyaffe eky’okubeeramu
emirembe gyonna.
2 Ensozi nga tezinnabaawo,

n’ensi yonna nga tonnagitonda;
okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero y’emirembe gyonna, ggwe Katonda.

3 Omuntu omuzzaayo mu nfuufu,
n’oyogera nti, “Mudde mu nfuufu, mmwe abaana b’abantu.”
4 Kubanga emyaka olukumi,
gy’oli giri ng’olunaku olumu olwayita,
oba ng’ekisisimuka mu kiro.
5 Obeera n’obamalirawo ddala nga bali mu tulo otw’okufa.
Ku makya baba ng’omuddo omuto.
6 Ku makya guba munyirivu,
naye olw’eggulo ne guwotoka ne gukala.

7 Ddala ddala obusungu bwo butumalawo,
n’obukambwe bwo bututiisa nnyo.
8 Ebyonoono byaffe obyanjadde mu maaso go,
n’ebyo bye tukoze mu kyama obyanise awo w’oli.
9 Ddala ddala tumala ennaku z’obulamu bwaffe zonna ng’otunyiigidde;
tukomekkereza emyaka gyaffe n’okusinda.
10 Obungi bw’ennaku zaffe gy’emyaka nsanvu,
oba kinaana bwe tubaamu amaanyi.
Naye emyaka egyo gijjula ennaku n’okutegana,
era giyita mangu, olwo nga tuggwaawo.
11 Ani amanyi amaanyi g’obusungu bwo?
Kubanga ekiruyi kyo kingi ng’ekitiibwa kye tusaana okukuwa bwe kyenkana.
12 Otuyigirize okutegeeranga obulungi ennaku zaffe,
tulyoke tubeere n’omutima ogw’amagezi.

13 Ayi Mukama, komawo gye tuli. Olitusuula kutuusa ddi?
Abaweereza bo bakwatirwe ekisa.
14 Tujjuze okwagala kwo okutaggwaawo ku makya,
tulyoke tuyimbenga nga tujaguza n’essanyu era tusanyukenga obulamu bwaffe bwonna.
15 Tusanyuse, Ayi Mukama, okumala ennaku nga ze tumaze ng’otubonyaabonya,
era n’okumala emyaka nga gye tumaze nga tulaba ennaku.
16 Ebikolwa byo biragibwe abaweereza bo,
n’abaana baabwe balabe ekitiibwa kyo.
17 Okusaasira kwo, Ayi Mukama Katonda waffe, kubeerenga ku ffe,
otusobozesenga okutuukiriza obulungi emirimu gyaffe;
weewaawo, otusobozesenga okutuukiriza obulungi emirimu gyaffe.

# Zabbuli 91

Obwesige bw’oyo atya Katonda.

1 Oyo abeera mu kifo eky’ekyama eky’oyo Ali Waggulu Ennyo;
aliwumulira mu kisiikirize kya Katonda Ayinzabyonna.
2 Nnaayogeranga ku Mukama nti, Oli kiddukiro kyange era ekigo kyange;
ggwe Katonda wange gwe nneesiga.

3 Ddala ddala y'anaakuwonyanga omutego gw'omuyizzi,
ne kawumpuli azikiriza.
4 Alikubikka n'ebyoya bye,
era mu biwaawaatiro bye mw'onoddukiranga;
obwesigwa bwe bunaabanga ngabo yo okukukuumanga.
5 Tootyenga ntiisa ya kiro,
wadde akasaale akalasibwa emisana;
6 newaakubadde olumbe olusoobasooba mu kizikiza,
wadde kawumpuli azikiriza mu ttuntu.
7 Abantu olukumi balifiira ku lusegere lwo,
n'omutwalo ne bafiira ku mukono gwo ogwa ddyo,
naye olumbe terulikutuukako.
8 Olitunuulira butunuulizi n'amaaso go;
n'olaba ekibonerezo ky'omukozi w'ebibi.

9 Kubanga bw'olifuula Mukama ekiddukiro kyo;
Ali Waggulu Ennyo n'omufuula ekifo kyo mw'obeera,
10 tewali kabi kalikutuukako,
so tewali kibonoobono kirisemberera nnyumba yo.
11 Kubanga Mukama aliragira bamalayika be
bakukuume mu makubo go gonna.
12 Balikuwanirira mu mikono gyabwe;
oleme okwekoona ekigere kyo ku jjinja.
13 Olirinnya ku mpologoma ne ku nswera;
olirinnyirira empologoma ey'amaanyi, n'omusota.

14 "Olw'okuba nga njagala kyendiva muwonya;
nnaamukuumanga, kubanga amanyi erinnya lyange.
15 Anankowoolanga ne muyitabanga;
nnaabeeranga naye mu biseera eby'akabi.
Ndimuwonya era ndimuwa ekitiibwa.
16 Ndimuwangaaza n'asanyuka
era ndimulaga obulokozi bwange."

# Zabbuli 92

Zabbuli. Oluyimba lwa Ssabbiiti.
1 Kirungi okwebazanga Mukama,
n'okuyimba ennyimba n'okutenderezanga erinnya lyo, Ayi Ggwe, Ali Waggulu Ennyo;
2 okutendanga okwagala kwo okutakoma buli nkya,
n'okutendanga obwesigwa bwo buli kiro.
3 Okukutenderezanga n'amaloboozi g'enkoba z'ennanga
n'endere awamu n'entongooli.

4 Kubanga ggwe, Ayi Mukama, onkoledde ebinsanyusizza;
kyenva nkuyimbira n'essanyu olw'emirimu gy'emikono gyo.
5 Emirimu gyo nga mikulu, Ayi Mukama;
ebirowoozo byo nga tebitegeerekeka!
6 Omuntu atalina magezi tamanyi;
n'omusirusiru kino tasobola kukitegeera;
7 newaakubadde ng'abakola ebibi baloka ng'omuddo,

n'aboonoonyi bonna ne bafuna ebirungi,
boolekedde okuzikirira okw'emirembe n'emirembe!

8 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, ogulumizibwa emirembe gyonna.

9 Kubanga abalabe bo, Ayi MUKAMA,
abalabe bo balizikirira,
abakola ebibi bonna balisaasaanyizibwa.
10 Naye nze wanfuula wa maanyi okwenkana embogo,
n'onfukako amafuta amalungi.
11 Amaaso gaalaba bbugwe ng'agwa ku balabe bange;
n'amatu gange gawulidde akabi akatuuse ku abo abanjigganya.

12 Abatuukirivu balyegolola ng'enkindu,
ne bakula ne bawanvuwa ng'emivule gy'e Lebanooni.
13 Egisimbibwa mu nnyumba ya MUKAMA.
Baligimukira mu mpya za Katonda waffe.
14 Ne mu bukadde bwabwe balibala ebibala;
baliba balamu era abagimu,
15 kiryoke kitegeeze nti, MUKAMA w'amazima,
lwe Lwazi lwange era mu ye temuli butali butuukirivu.

# Zabbuli 93

1 MUKAMA afuga; ayambadde ekitiibwa.
MUKAMA ayambadde ekitiibwa
era yeesibye amaanyi.
Ensi yanywezebwa;
teyinza kunyeenyezebwa.
2 Entebe yo ey'obwakabaka yanywezebwa okuva edda n'edda.
Ggwe, Ayi Katonda, oli wa mirembe na mirembe.

3 Amayengo gatumbidde, Ayi MUKAMA;
ennyanja ziyimusizza amaloboozi gaazo,
n'amazzi g'ennyanja gayira.
4 MUKAMA, Ali Waggulu Ennyo,
oli wa maanyi okusinga okuyira kw'amazzi amangi;
oli wa maanyi okusinga amayengo g'ennyanja.

5 Ayi MUKAMA ebiragiro byo binywevu,
n'obutukuvu bujjudde ennyumba yo,
ennaku zonna.

# Zabbuli 94

1 Ayi MUKAMA, ggwe Katonda awalana eggwanga,
ggwe Katonda awalana eggwanga, labika omasemase.
2 Golokoka, Ayi ggwe Omulamuzi w'ensi,
osasule ab'amalala nga bwe kibagwanidde.
3 Ayi MUKAMA, omukozi w'ebibi alikomya ddi?
Omukozi w'ebibi alituusa ddi ng'asanyuka?

4 Bafukumula ebigambo eby'okwewaanawaana;
abakola ebibi bonna beepankapanka.

5 Babetenta abantu bo, Ayi MUKAMA,
babonyaabonya ezzadde lyo.
6 Batta nnamwandu n'omutambuze;
ne batemula ataliiko kitaawe.
7 Ne boogera nti, "Katonda talaba;
Katonda wa Yakobo tafaayo."

8 Mwerinde mmwe abantu abatategeera.
Mmwe abasirusiru muligeziwala ddi?
9 Oyo eyatonda okutu tawulira?
Oyo eyakola eriiso talaba?
10 Oyo akangavvula amawanga, taakubonereze?
Oyo ayigiriza abantu talina ky'amanyi?
11 MUKAMA amanyi ebirowoozo by'abantu;
amanyi nga mukka bukka.

12 Ayi MUKAMA, alina omukisa oyo gw'ogunjula,
gw'oyigiriza eby'omu mateeka go;
13 omuwummuzaako mu kabi kaalimu,
okutuusa abakola ebibi lwe balisimirwa ekinnya.
14 Kubanga MUKAMA talireka bantu be;
talyabulira zzadde lye.
15 Aliramula mu butuukirivu,
n'abo abalina emitima emigolokofu bwe banaakolanga.

16 Ani alinnwanyisizaako abakola ebibi?
Ani alinnwanirira eri abakola ebibi?
17 Singa MUKAMA teyali mubeezi wange,
omwoyo gwange gwandiserengese emagombe.
18 Bwe naleekaana nti, "Nseerera!"
Okwagala kwo okutaggwaawo, Ayi MUKAMA, ne kumpanirira.
19 Ebyeraliikiriza omutima gwange bwe byayitirira obungi,
okusaasira kwo ne kuzzaamu omwoyo gwange amaanyi.

20 Oyinza okukolagana n'obufuzi obukyamu,
obukaabya abantu n'amateeka gaabwe?
21 Abakola ebibi beegatta ne balumbagana abatuukirivu;
atasobezza ne bamusalira ogw'okufa.
22 Naye MUKAMA afuuse ekiddukiro kyange eky'amaanyi;
ye Katonda wange, era Olwazi lwange mwe neekweka.
23 MUKAMA alibabonereza olw'ebibi byabwe,
n'abazikiriza olw'ebyonoono byabwe;
MUKAMA Katonda waffe alibamalirawo ddala.

# Zabbuli 95

1 Mujje tuyimbire MUKAMA;
tuyimbire waggulu n'essanyu nga tutendereza MUKAMA Olwazi olw'obulokozi bwaffe.
2 Tujje mu maaso ge n'okwebaza;
tumuyimbire ennyimba ez'okumutendereza.

3 Kubanga MUKAMA ye Katonda Omukulu;

era Kabaka Omukulu asinga bakatonda bonna.
4 Enkonko ez'ensi ziri mu mukono gwe;
n'entikko z'ensozi nazo zize.
5 Ennyanja yiye, kubanga ye yagikola;
n'emikono gye, gye gyabumba olukalu.

6 Mujje tusinze tuvuuname mu maaso ge;
tufukamire mu maaso ga MUKAMA, Omutonzi waffe.
7 Kubanga ye Katonda waffe,
naffe tuli bantu ab'omu ddundiro lye,
era tuli ndiga ze z'alabirira.

Olwa leero bwe muwulira eddoboozi lye,
8 "Temukakanyaza mitima gyammwe nga bwe kyali e Meriba*,
ne ku lunaku luli e Maasa† mu ddungu;
9 bajjajjammwe gye bangezesa;
newaakubadde baali baalaba dda ebyamagero bye nakola.
10 Abantu b'omulembe ogwo ne mbasunguwalira okumala emyaka amakumi ana;
ne ŋŋamba nti, 'Be bantu abakyama mu mutima gwabwe,
era tebamanyi makubo gange.'
11 Kyennava ndayira nga nsunguwadde nti,
'Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.' "

# Zabbuli 96

1 Muyimbire MUKAMA oluyimba oluggya;
muyimbire MUKAMA mmwe ensi yonna.
2 Muyimbire MUKAMA; mutendereze erinnya lye,
mulangirire obulokozi bwe buli lukya.
3 Mutende ekitiibwa kye mu mawanga gonna,
eby'amagero bye mubimanyise abantu bonna.

4 Kubanga MUKAMA mukulu era asaanira nnyo okutenderezebwa;
asaana okutiibwa okusinga bakatonda bonna.
5 Kubanga bakatonda bonna abakolebwa abantu bifaananyi bufaananyi;
naye MUKAMA ye yakola eggulu.
6 Ekitiibwa n'obukulu bimwetooloola;
amaanyi n'obulungi biri mu nnyumba ye entukuvu.

7 Mugulumize MUKAMA mmwe ebika eby'amawanga byonna;
mutende ekitiibwa kya MUKAMA awamu n'amaanyi ge.
8 Mugulumize MUKAMA mu ngeri esaanira erinnya lye;
muleete ekiweebwayo mujje mu mbuga ze.
9 Musinze MUKAMA mu kitiibwa eky'obutuukirivu bwe.
Ensi yonna esinze MUKAMA n'okukankana.
10 Mutegeeze amawanga gonna nti MUKAMA y'afuga.
Ensi nnywevu, tewali asobola kuginyeenyaako;
MUKAMA aliramula abantu mu bwenkanya.

---

* **Zabbuli 95:8** Meriba kitegeeza okwemulugunya † **Zabbuli 95:8** Maasa kitegeeza kugezesa

11 Kale eggulu lisanyuke n'ensi ejaguze;
ennyanja eyire ne byonna ebigirimu.
12 Ennimiro n'ebirime ebizirimu bijaguze;
n'emiti gyonna egy'omu kibira nagyo gimutendereze n'ennyimba ez'essanyu.
13 Kubanga MUKAMA ajja;
ajja okusalira ensi omusango.
MUKAMA aliramula ensi mu butuukirivu,
n'abantu bonna abalamule mu mazima.

# Zabbuli 97

1 MUKAMA afuga; ensi esanyuke,
n'embalama eziri ewala zijaguze.
2 Ebire n'ekizikiza bimwetooloola;
obutuukirivu n'obwenkanya gwe musingi gw'entebe y'obwakabaka bwe.
3 Omuliro gumukulembera
ne gwokya abalabe be ku njuyi zonna.
4 Okumyansa kwe kumulisa ensi;
ensi n'ekulaba n'ekankana.
5 Ensozi zisaanuuka ng'envumbo awali MUKAMA,
mu maaso ga Mukama ow'ensi yonna.
6 Eggulu lirangirira obutuukirivu bwe;
n'abantu bonna ne balaba ekitiibwa kye.

7 Abasinza ebifaananyi ebikole n'emikono bonna baswadde,
abo abeenyumiririza mu bifaananyi ebyole.
Mumusinze mwe mwenna bakatonda.

8 Sayuuni akiwulira n'asanyuka,
n'ebyalo bya Yuda bijaguza;
kubanga ogoberera eby'ensonga, Ayi Katonda.
9 Kubanga ggwe, Ayi MUKAMA, oli waggulu nnyo okusinga ensi;
ogulumizibwa okusinga bakatonda bonna.
10 Abo abaagala MUKAMA bakyawa ekibi,
akuuma obulamu bw'abamwesiga,
n'abawonya okuva mu mukono gw'omukozi w'ebibi.
11 Omusana gwe gwakira abatuukirivu,
n'abalina omutima ogw'amazima bajjula essanyu.
12 Musanyukirenga mu MUKAMA mmwe abatuukirivu,
era mwebazenga erinnya lye ettukuvu.

# Zabbuli 98

Zabbuli.
1 Muyimbire MUKAMA oluyimba oluggya,
kubanga akoze eby'ekitalo.
Omukono gwe ogwa ddyo,
era omukono omutukuvu, gumuwadde obuwanguzi.
2 MUKAMA ayolesezza obulokozi bwe,
era abikkulidde amawanga obutuukirivu bwe.
3 Ajjukidde okwagala kwe okutakoma
n'obwesigwa bwe eri ennyumba ya Isirayiri.

Enkomerero z'ensi yonna zirabye
obulokozi bwa Katonda waffe.

4 Muyimbire MUKAMA n'essanyu lingi mwe ensi yonna;
muyimbe ennyimba mu maloboozi ag'essanyu.
5 Mutendereze MUKAMA n'ennanga ez'enkoba;
n'ennanga ez'enkoba n'amaloboozi ag'okuyimba,
6 n'amakondeere n'eddoboozi ly'eŋŋombe.
Muyimbe n'essanyu mu maaso ga MUKAMA era Kabaka.

7 Ennyanja eyire ne byonna ebigirimu,
n'ensi ne byonna ebigirimu bijaguze.
8 Emigga gikube mu ngalo
n'ensozi zonna ziyimbire wamu olw'essanyu;
9 byonna biyimbe mu maaso ga MUKAMA,
kubanga ajja okulamula ensi.
Aliramula ensi mu butuukirivu;
aliramula amawanga mu bwenkanya.

# Zabbuli 99

1 MUKAMA afuga,
amawanga gakankane;
atuula wakati wa bakerubi,
ensi ekankane.
2 MUKAMA mukulu mu Sayuuni;
agulumizibwa mu mawanga gonna.
3 Amawanga gonna gatendereze erinnya lyo ekkulu era ery'entiisa.
MUKAMA mutukuvu.

4 Ye Kabaka ow'amaanyi, ayagala obwenkanya.
Onywezezza obwenkanya;
era by'okoledde Yakobo bya bwenkanya
era bituufu.
5 Mumugulumize MUKAMA Katonda waffe;
mumusinzize wansi w'entebe y'ebigere bye.
MUKAMA mutukuvu.

6 Musa ne Alooni baali bamu ku bakabona be;
ne Samwiri yali mu abo abaakoowoolanga erinnya lye;
baasabanga MUKAMA
n'abaanukula.
7 Yayogera nabo mu mpagi ey'ekire;
baagondera amateeka ge n'ebiragiro bye, bye yabawa.

8 Ayi MUKAMA Katonda waffe,
wabaanukulanga;
n'obeeranga Katonda asonyiwa eri Isirayiri,
newaakubadde wababonerezanga olw'ebikolwa byabwe ebibi.
9 Mugulumizenga MUKAMA Katonda waffe,
mumusinzizenga ku lusozi lwe olutukuvu,
kubanga MUKAMA Katonda waffe mutukuvu.

# Zabbuli 100

Zabbuli ey'okwebaza.

1 Muleetere MUKAMA eddoboozi ery'essanyu mmwe ensi zonna.
2 Muweereze MUKAMA n'essanyu;
mujje mu maaso ge n'ennyimba ez'essanyu.
3 Mumanye nga MUKAMA ye Katonda;
ye yatutonda, tuli babe,
tuli bantu be era endiga ez'omu ddundiro lye.

4 Muyingire mu miryango gye nga mwebaza,
ne mu mpya ze n'okutendereza;
mumwebaze mutendereze erinnya lye.
5 Kubanga MUKAMA mulungi, n'okwagala kwe kwa lubeerera;
n'obwesigwa bwe bwa mirembe gyonna.

# Zabbuli 101

Zabbuli ya Dawudi.

1 Nnaayimbanga ku kwagala kwo n'obutuukirivu bwo;
nnaayimbiranga ggwe, Ayi MUKAMA.
2 Nneegenderezanga, mu bulamu bwange ne nkola eby'obutuukirivu,
naye olijja ddi gye ndi?

Nnaabeeranga mu nnyumba yange
nga siriiko kya kunenyezebwa.
3 Sijjanga kwereetereza kintu
kyonna ekibi.

Nkyayira ddala ebikolwa by'abo abava mu kkubo lyo;
sijjanga kubyeteekako.
4 Sijjanga kuba mukuusa;
ekibi nnaakyewaliranga ddala.

5 Oyo alyolyoma muliraanwa we mu kyama,
nnaamuzikiririzanga ddala; amaaso ag'amalala n'omutima ogw'amalala
sijja kubigumiikirizanga.

6 Abeesigwa abali mu nsi yaffe nnaabasanyukiranga,
balyoke babeerenga nange;
akola eby'obutuukirivu
y'anamperezanga.

7 Atayogera mazima
taabeerenga mu nnyumba yange.
Omuntu alimba
sirimuganya kwongera kubeera nange.

8 Buli nkya nnaazikirizanga
abakola ebibi bonna mu nsi,
bwe ntyo abakozi b'ebibi ne mbamalirawo ddala
mu kibuga kya MUKAMA.

# Zabbuli 102

Okusaba kw'oyo ali mu buyinike ng'ayigganyizibwa nga yeeyongedde okunafuwa, n'afukumula byonna ebimuli ku mutima mu maaso ga MUKAMA.

1 Wulira okusaba kwange, Ayi MUKAMA,
okkirize okukoowoola kwange kutuuke gy'oli.
2 Tonneekweka
mu biseera eby'obuyinike bwange.
Ntegera okutu kwo
onnyanukule mangu bwe nkukoowoola!

3 Kubanga ennaku zange zifuumuuka ng'omukka,
n'amagumba gange gaaka ng'amanda.
4 Omutima gwange gulinnyiririrwa ng'omuddo, era guwotose;
neerabira n'okulya emmere yange.
5 Olw'okwaziirana kwange okunene,
nzenna nfuuse ŋŋumbagumba.
6 Ndi ng'ekiwuugulu eky'omu ddungu,
era ng'ekiwuugulu eky'omu nsiko.
7 Nsula ntunula,
nga ndi ng'ekinyonyi ekitudde kyokka ku kasolya k'ennyumba.
8 Abalabe bange banvuma olunaku lwonna;
abo abanduulira bakozesa linnya lyange nga bakolima.
9 Kubanga ndya evvu ng'alya emmere,
n'amaziga gange ne geegattika mu kyokunywa kyange.
10 Olw'obusungu n'okunyiiga kwo;
onneegobyeko n'onsuula eyo.
11 Ennaku zange ziri ng'ekisiikirize ky'olweggulo nga buziba;
mpotoka ng'omuddo.

12 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, obeera mu ntebe yo ey'obwakabaka emirembe n'emirembe;
erinnya lyo linajjukirwanga ab'omu mirembe gyonna.
13 Olisituka n'osaasira Sayuuni,
kino kye kiseera okulaga Sayuuni omukwano;
ekiseera kye wateekateeka kituuse.
14 Kubanga amayinja gaakyo abaweereza bo bagaagala nnyo,
n'enfuufu y'omu kibuga ekyo ebakwasa ekisa.
15 Amawanga gonna ganaatyanga erinnya lya MUKAMA;
ne bakabaka bonna ab'ensi banaakankananga olw'ekitiibwa kyo.
16 Kubanga MUKAMA alizimba Sayuuni buto,
era n'alabika mu kitiibwa kye.
17 Alyanukula okusaba kw'abanaku;
talinyooma kwegayirira kwabwe.

18 Bino leka biwandiikirwe ab'omu mirembe egirijja,
abantu abatannatondebwa bwe balibisoma balyoke batendereze MUKAMA.
19 Bategeere nti MUKAMA yatunula wansi ng'asinziira waggulu mu kifo kye ekitukuvu;
MUKAMA yasinzira mu ggulu n'atunuulira ensi,
20 okuwulira okusinda kw'abasibe,

n'okusumulula abo abasaliddwa ogw'okufa.
21 Erinnya lya MUKAMA, liryoke litenderezebwe mu Sayuuni,
bamutenderezenga mu Yerusaalemi;
22 abantu nga bakuŋŋaanye, awamu n'obwakabaka,
okusinza MUKAMA.

23 MUKAMA ammazeemu amaanyi nga nkyali muvubuka;
akendeezezza ku nnaku z'obulamu bwange.
24 Ne ndyoka mmukaabira nti,
"Ayi Katonda wange, tontwala nga nkyali mu makkati g'emyaka gy'obulamu bwange,
ggw'abeera omulamu emirembe gyonna.
25 Ku ntandikwa wassaawo omusingi gw'ensi;
n'eggulu gy'emirimu gy'emikono gyo.
26 Byonna biriggwaawo, naye ggwe oli wa lubeerera.
Byonna birikaddiwa ng'ebyambalo.
Olibikyusa ng'ebyambalo, ne bisuulibwa.
27 Naye ggwe tokyuka oli wa lubeerera
n'emyaka gyo tegirikoma.
28 Abaana b'abaweereza bo baliba mu ddembe;
ne bazzukulu baabwe banaabeeranga w'oli nga tebalina kye batya."

# Zabbuli 103

Zabbuli Ya Dawudi.
1 Weebaze MUKAMA, ggwe emmeeme yange;
ne byonna ebiri mu nze byebaze erinnya lye ettukuvu.
2 Weebaze MUKAMA, ggwe emmeeme yange,
era teweerabiranga birungi bye byonna.
3 Asonyiwa ebibi byo byonna,
n'awonya n'endwadde zo zonna.
4 Anunula obulamu bwo emagombe, n'akusaasira
era n'akwagala n'okwagala okutaggwaawo.
5 Awa emmeeme yo ebintu ebirungi byeyagala;
obuvubuka bwo ne budda buggya ng'empungu.*

6 MUKAMA asala mu butuukirivu ne mu bwenkanya,
ensonga z'abo bonna abajoogebwa.

7 Yamanyisa Musa ebyo by'ayagala,
n'alaga abaana ba Isirayiri ebikolwa bye.
8 MUKAMA wa kisa era ajjudde okusaasira,
tasunguwala mangu, era alina okwagala okutaggwaawo.
9 Taasibenga busungu ku mwoyo,
era tasunguwala kumala bbanga lyonna.
10 Tatukola ng'okwonoona kwaffe bwe kuli,
wadde okutusasula ng'ebikolwa byaffe ebitali bya butuukirivu bwe biri.
11 Ng'eggulu bwe litumbidde ennyo waggulu w'ensi,
n'okwagala kwe bwe kuli okunene bwe kutyo eri abo abamutya.

* **Zabbuli 103:5** Empungu emanyiddwa olw'amaanyi gaayo n'olw'obuwangaazi bwayo.

12 Ebibi byaffe abituggyako
n'abitwala wala ng'ebuvanjuba bw'eri ewala okuva ebugwanjuba.

13 Kitaawe w'abaana nga bw'asaasira abaana be,
ne MUKAMA bw'atyo bw'asaasira abo abamutya.
14 Kubanga amanyi nga bwe twakolebwa
era ng'ajjukira nti tuli nfuufu.
15 Wabula omuntu, ennaku z'obulamu bwe ziri ng'omuddo;
akula n'agimuka ng'ekimuli eky'omu nnimiro;
16 empewo ekifuuwa, ne kifa;
nga ne we kyali tewakyajjukirwa.
17 Naye okwagala kwa Katonda eri abo abamutya tekuggwaawo
emirembe gyonna,
n'obulokozi bwe eri abaana b'abaana baabwe.
18 Be bo abakuuma endagaano ye
ne bajjukira okugondera amateeka ge.

19 MUKAMA anywezezza entebe ye ey'obwakabaka mu ggulu,
n'obwakabaka bwe bufuga ensi yonna.

20 Mwebaze MUKAMA mmwe bamalayika be,
mmwe ab'amaanyi abakola ky'agamba,
era abagondera ekigambo kye.
21 Mwebaze MUKAMA mmwe amaggye ge ag'omu ggulu,
mmwe abaweereza be abakola by'ayagala.
22 Mwebaze MUKAMA, mmwe ebitonde bye byonna
ebiri mu matwale ge gonna.

Weebaze MUKAMA, ggwe emmeeme yange.

# Zabbuli 104

1 Weebaze MUKAMA, ggwe emmeeme yange.

Ayi MUKAMA Katonda wange, oli mukulu nnyo;
ojjudde obukulu n'ekitiibwa.

2 Yeebika ekitangaala ng'ayeebikka ekyambalo
n'abamba eggulu ng'eweema,
3 n'ateeka akasolya k'ebisulo bye eby'oku ntikko kungulu ku mazzi;
ebire abifuula amagaali ge,
ne yeebagala ebiwaawaatiro by'empewo.
4 Afuula empewo ababaka be,
n'ennimi z'omuliro ogwaka abaweereza be.

5 Yassaawo ensi ku misingi gyayo;
teyinza kunyeenyezebwa.
6 Wagibikkako obuziba ng'ekyambalo;
amazzi ne gatumbiira okuyisa ensozi ennene.
7 Bwe wagaboggolera ne gadduka;
bwe gaawulira okubwatuka kwo ne gaddukira ddala;
8 gaakulukutira ku nsozi ennene,
ne gakkirira wansi mu biwonvu

mu bifo bye wagategekera.
9 Wagassizaawo ensalo ze gatasaana kusukka,
na kuddayo kubuutikira nsi.

10 Alagira ensulo ne zisindika amazzi mu biwonvu;
ne gakulukutira wakati w'ensozi.
11 Ne ganywesa ebisolo byonna eby'omu nsiko;
n'endogoyi ne gazimalako ennyonta.
12 Ebinyonyi eby'omu bbanga bizimba ebisu byabyo ku mabbali g'amazzi,
ne biyimbira mu matabi.
13 Afukirira ensozi ennene ng'osinziira waggulu gy'obeera;
ensi n'ekkuta ebibala by'emirimu gyo.
14 Olagira omuddo ne gukula okuliisa ente,
n'ebirime abantu bye balima,
balyoke bafune ebyokulya okuva mu ttaka.
15 Ne wayini okusanyusa omutima gwe,
n'ebizigo okwesiiga awoomye endabika ye,
n'emmere okumuwa obulamu.
16 Emiti gya Mukama gifuna amazzi mangi;
gy'emivule gy'e Lebanooni gye yasimba.
17 Omwo ebinyonyi mwe bizimba ebisu byabyo;
ne ssekanyolya asula mu miti omwo.
18 Ku nsozi empanvu eyo embulabuzi ez'omu nsiko gye zibeera;
n'enjazi kye kiddukiro ky'obumyu.

19 Wakola omwezi okutegeeza ebiro;
n'enjuba bw'egwa n'eraga olunaku.
20 Oleeta ekizikiza, ne buba ekiro;
olwo ebisolo byonna eby'omu bibira ne biryoka bivaayo.
21 Empologoma ento zikaabira emmere gye zinaalya;
nga zinoonya ebyokulya okuva eri Katonda.
22 Enjuba bw'evaayo ne zigenda, n'oluvannyuma
ne zikomawo ne zigalamira mu mpuku zaazo.
23 Abantu ne bagenda ku mirimu gyabwe,
ne bakola okutuusa akawungeezi.

24 Ayi Mukama, ebintu bye wakola nga bingi nnyo!
Byonna wabikola n'amagezi ag'ekitalo;
ensi ejjudde ebitonde byo.
25 Waliwo ennyanja, nnene era ngazi,
ejjudde ebitonde ebitabalika,
ebintu ebirina obulamu ebinene era n'ebitono.
26 Okwo amaato kwe gaseeyeeyera nga galaga eno n'eri;
ne galukwata ge wakola mwe gabeera okuzannyiranga omwo.

27 Ebyo byonna bitunuulira ggwe
okubiwa emmere yaabyo ng'ekiseera kituuse.
28 Bw'ogibiwa,
nga bigikuŋŋaanya;
bw'oyanjuluza engalo zo n'obigabira ebintu ebirungi
ne bikkusibwa.
29 Bw'okweka amaaso go

ne byeraliikirira nnyo;
bw'obiggyamu omukka nga bifa,
nga biddayo mu nfuufu.
30 Bw'oweereza Omwoyo wo,
ne bifuna obulamu obuggya;
olwo ensi n'ogizza buggya.

31 Ekitiibwa kya Katonda kibeerengawo emirembe gyonna;
era MUKAMA asanyukirenga ebyo bye yakola.
32 Atunuulira ensi, n'ekankana;
bw'akwata ku nsozi ennene, ne zinyooka omukka.

33 Nnaayimbiranga MUKAMA obulamu bwange bwonna;
nnaayimbanga nga ntendereza Katonda wange ennaku zonna ze ndimala nga nkyali mulamu.
34 Ebirowoozo byange, nga nfumiitiriza, bimusanyusenga;
kubanga mu MUKAMA mwe neeyagalira.
35 Naye abakola ebibi baggweewo ku nsi;
aboonoonyi baleme kulabikirako ddala.

Weebaze MUKAMA, gwe emmeeme yange.

Mumutenderezenga MUKAMA.

# Zabbuli 105

1 Mwebaze MUKAMA, mukoowoole erinnya lye;
amawanga gonna mugategeeze by'akoze.
2 Mumuyimbire, mumutendereze;
muyimbe ku byamagero bye.
3 Mumusuute, ng'erinnya lye ettukuvu muligulumiza;
emitima gy'abo abanoonya MUKAMA gijjule essanyu.
4 Munoonye MUKAMA n'amaanyi ge;
mumunoonyenga ennaku zonna.

5 Mujjukirenga eby'ekitalo bye yakola,
ebyamagero bye, n'emisango gye yasala;
6 mmwe abazzukulu ba Ibulayimu, abaweereza be
mmwe abaana ba Yakobo, abalonde be.
7 Ye MUKAMA Katonda waffe;
ye alamula mu nsi yonna.

8 Ajjukira endagaano ye emirembe gyonna,
kye kigambo kye yalagira, ekyakamala emirembe olukumi,
9 ye ndagaano gye yakola ne Ibulayimu,
era kye kisuubizo kye yalayirira Isaaka.
10 Yakikakasa Yakobo ng'etteeka,
n'akiwa Isirayiri ng'endagaano eteriggwaawo nti,
11 "Ndikuwa ggwe ensi ya Kanani
okuba omugabo gwo."

12 Bwe baali bakyali batono,

nga si bangi n'akamu, era nga bagwira mu nsi omwo,
13 baatambulatambulanga okuva mu ggwanga erimu okulaga mu ddala,
ne bavanga mu bwakabaka obumu ne balaga mu bulala.
14 Teyaganya muntu yenna kubayisa bubi;
n'alabulanga bakabaka ku lwabwe nti,
15 "Abalonde bange,
ne bannabbi bange temubakolangako kabi."

16 Yaleeta enjala mu nsi,
emmere yaabwe yonna n'agizikiriza.
17 N'atuma omuntu okubeesooka mu maaso,
ye Yusufu eyatundibwa ng'omuddu,
18 ebigere bye ne binuubulwa enjegere ze baamusibya,
obulago bwe ne buteekebwa mu byuma,
19 okutuusa bye yategeeza lwe byatuukirira,
okutuusa ekigambo kya MUKAMA lwe kyamukakasa nti bye yayogera
bya mazima.
20 Kabaka n'atuma ne bamusumulula;
omufuzi w'ensi eyo yamuggya mu kkomera.
21 Yamufuula omukulu w'eby'omu maka ge,
n'akulira byonna omufuzi oyo bye yalina;
22 okukangavvulanga abalangira be nga bwe yalabanga,
n'okuyigiriza abakulu eby'amagezi.

23 Oluvannyuma Isirayiri n'ajja mu Misiri;
Yakobo bw'atyo n'atuula mu nsi ya Kaamu nga munnaggwanga.
24 MUKAMA n'ayaza nnyo abantu be;
ne baba bangi nnyo, n'abalabe baabwe ne beeraliikirira,
25 n'akyusa emitima gyabwe ne bakyawa abantu be,
ne basalira abaweereza be enkwe.
26 Yatuma abaweereza be Musa
ne Alooni, be yalonda.
27 Ne bakola obubonero bwe obw'ekitalo mu bantu abo;
ne bakolera ebyamagero bye mu nsi ya Kaamu.
28 Yaleeta ekizikiza ensi yonna n'ekwata,
kubanga baali bajeemedde ekigambo kye.
29 Amazzi gaabwe yagafuula omusaayi,
ne kireetera ebyennyanja byabwe okufa.
30 Ensi yaabwe yajjula ebikere,
ebyatuukira ddala ne mu bisenge by'abafuzi baabwe.
31 Yalagira, ebiwuka ebya buli ngeri ne bijja,
n'ensekere ne zeeyiwa mu bitundu byonna eby'ensi yaabwe.
32 Yafuula enkuba okuba amayinja g'omuzira;
eggulu ne libwatuka mu nsi yaabwe yonna.
33 Yakuba emizeeyituuni n'emizabbibu,
n'azikiriza emiti gy'omu nsi yaabwe.
34 Yalagira, enzige ne zijja
ne bulusejjera obutabalika muwendo.
35 Ne birya buli kimera kyonna mu nsi yaabwe,
na buli kisimbe kyonna mu ttaka lyabwe ne kiriibwa.
36 N'azikiriza abaana ababereberye bonna mu nsi yaabwe,

nga bye bibala ebisooka eby'obuvubuka bwabwe.
37 Yaggya Abayisirayiri mu nsi eyo nga balina ffeeza nnyingi ne zaabu;
era bonna baali ba maanyi.
38 Abamisiri baasanyuka bwe baalaba Abayisirayiri nga bagenze,
kubanga baali batandise okubatiira ddala.
39 Yayanjuluzanga ekire ne kibabikka,
n'omuliro ne gubamulisiza ekiro.
40 Baamusaba, n'abaweereza enkwale
era n'abaliisanga emmere eva mu ggulu ne bakkuta.
41 Yayasa olwazi, amazzi ne gatiiriika,
ne gakulukuta mu ddungu ng'omugga.

42 Kubanga yajjukira ekisuubizo kye ekitukuvu
kye yawa omuweereza we Ibulayimu.
43 Abantu be yabaggyayo nga bajaguza,
abalonde be nga bayimba olw'essanyu.
44 Yabawa ensi eyali ey'amawanga amalala,
ne basikira ebyo abalala bye baakolerera;
45 balyoke bakwatenga amateeka ge,
era bagonderenga ebiragiro bye.

Mumutendereze MUKAMA.

# Zabbuli 106

1 Mumutendereze MUKAMA!

Mwebaze MUKAMA kubanga mulungi,
kubanga okwagala kwe tekuggwaawo emirembe gyonna.

2 Ani ayinza okwogera ku bikulu MUKAMA by'akola n'abimalayo,
oba okumutendereza obulungi nga bw'asaanira?
3 Balina omukisa abalina obwenkanya,
era abakola ebituufu bulijjo.

4 Onzijukiranga, Ayi MUKAMA, bw'obanga okolera abantu bo ebirungi;
nange onnyambe bw'olibalokola,
5 ndyoke neeyagalire wamu n'abalonde bo nga bafunye ebirungi,
nsanyukire wamu n'eggwanga lyo,
era ntendererezenga mu bantu bo.

6 Twonoonye, nga bajjajjaffe bwe baakola;
tukoze ebibi ne tusobya nnyo.
7 Bakadde baffe
tebaafaayo kujjukira ebyamagero bye wakola nga bali mu Misiri;
n'ebyekisa ebingi bye wabakolera tebaabijjukira,
bwe baatuuka ku Nnyanja Emyufu ne bakujeemera.
8 Naye MUKAMA n'abalokola, olw'erinnya lye,
alyoke amanyise amaanyi g'obuyinza bwe obungi.
9 Yaboggolera Ennyanja Emyufu, n'ekalira;
n'abakulembera okubayisa mu buziba ng'abayita ku lukalu mu ddungu.
10 Yabawonya abalabe baabwe;

n'abanunula mu mikono gy'abo ababakyawa.
11 Amazzi ne gabuutikira abalabe baabwe;
ne wataba n'omu awona.
12 Olwo ne bakkiriza ebigambo bye, bye yabasuubiza;
ne bayimba nga bamutendereza.

13 Waayita akabanga katono ne beerabira ebyo byonna bye yakola;
ne batawulirizanga kubuulirira kwe.
14 Bwe baatuuka mu ddungu, okwegomba ne kubasukkirira;
ne bagezesa Katonda nga bali mu lukoola olwo.
15 Bw'atyo n'abawa kye baasaba,
kyokka n'abaleetera n'olumbe olw'amaanyi.

16 Nga bali mu lusiisira baakwatirwa obuggya eri Musa
ne Alooni abalonde ba MUKAMA.
17 Ettaka ne lyasama ne limira Dasani;
Abiraamu ne banne ne libasaanyaawo.
18 Omuliro ne gukoleera ne gukwata abagoberezi baabwe;
ennimi z'omuliro ne zookya aboonoonyi.
19 Bwe baali e Kolebu ne beekolera ennyana;
ne basinza ekifaananyi ekyo kye baakola mu byuma bye baasaanuusa.
20 Ekitiibwa kya Katonda
ne bakiwaanyisaamu ekibumbe ekifaanana ente erya omuddo.
21 Ne beerabira Katonda eyabanunula,
eyabakolera ebintu ebikulu bwe bityo mu Misiri,
22 ebyamagero bye yabakolera mu nsi ya Kaamu,
n'ebikolwa eby'entiisa ku Nnyanja Emyufu.
23 N'agamba nti,
Ajja kubazikiriza.
Naye Musa, omulonde we, n'ayimirira mu maaso ge
n'amwegayirira, obusungu bwe ne bumuggwaako n'atabazikiriza.

24 Baanyooma eby'ensi ennungi,
kubanga ekisuubizo kye tebaakirinaamu bwesige.
25 Beemulugunyiriza mu weema zaabwe,
ne batagondera ddoboozi lya MUKAMA.
26 Kyeyava yeerayirira
nti alibazikiririza mu ddungu,
27 era nga n'abaana baabwe
balisaasaanirira mu mawanga ne bafiira eyo.

28 Baatandika okusinza Baali e Peoli;
ne balya ebyaweebwangayo eri bakatonda abataliimu bulamu.
29 Ne banyiiza Katonda olw'ebikolwa byabwe ebibi;
kawumpuli kyeyava abagwamu.
30 Naye Finekaasi n'ayimirira wakati waabwe ne Katonda,
kawumpuli n'agenda.
31 Ekyo ne kimubalirwa nga kya butuukirivu
emirembe gyonna.
32 Bwe baatuuka okumpi n'amazzi ag'e Meriba ne banyiiza MUKAMA,
ne baleetera Musa emitawaana;

33 kubanga baajeemera ebiragiro bye,
ne kimwogeza n'ebigambo ebitaali bya magezi.

34 Abantu be baalwanyisa tebaabazikiriza
nga MUKAMA bwe yali abalagidde,
35 naye beetabika n'abannaggwanga ago
ne bayiga empisa zaabwe.
36 Baasinza ebifaananyi ebikole n'emikono eby'amawanga ago
ne bibafuukira omutego.
37 Baawaayo batabani baabwe
ne bawala baabwe eri bakatonda abo.
38 Ne bayiwa omusaayi gwa batabani baabwe ne bawala baabwe
abataliiko musango,
be baawangayo eri ebifaananyi ebikole n'emikono Abakanani bye baakola,
ensi n'eyonoonebwa n'omusaayi gwabwe.
39 Beeyonoona olw'ebyo bye baakola,
ebikolwa byabwe ne bibafuula abataliimu nsa nga bavudde ku Katonda waabwe.

40 MUKAMA kyeyava asunguwalira abantu be,
n'akyawa ezzadde lye.
41 N'abawaayo eri amawanga amalala,
abalabe ne babafuga.
42 Abalabe baabwe ne babanyigiriza,
ne babatuntuza nnyo ddala.
43 Yabawonyanga abalabe baabwe emirundi mingi,
naye obujeemu ne bubalemeramu,
ebibi byabwe ne bigenda nga bibasaanyaawo.

44 Naye bwe yawulira okukaaba kwabwe,
n'abakwatirwa ekisa;
45 ku lwabwe, n'ajjukira endagaano ye;
okwagala kwe okungi ne kumuleetera okukyusa ekirowoozo kye.
46 N'abaleetera okusaasirwa
abo abaababawambanga.
47 Ayi MUKAMA Katonda,
otulokole, otukuŋŋaanye, otuggye mu mawanga,
tulyoke twebazenga erinnya lyo ettukuvu,
era tusanyukenga nga tukutendereza.

48 MUKAMA atenderezebwenga, Katonda wa Isirayiri,
emirembe n'emirembe.

Abantu bonna ka boogere nti, "Amiina!"

Mumutendereze MUKAMA.

# EKITABO V

## 107

*Zabbuli 107–150*

1 Mwebaze MUKAMA, kubanga mulungi;
okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

2 Kale abanunule ba MUKAMA boogere bwe batyo;
abo be yanunula mu mikono gy'abalabe;
3 abo be yakuŋŋaanya mu mawanga; okuva Ebugwanjuba n'Ebuvanjuba,
n'okuva obukiikakkono ne mu bukiikaddyo.

4 Abamu baataataaganira mu malungu
nga babuliddwa ekkubo eribatwala ku kibuga gye banaabeeranga.
5 Baalumwa ennyonta n'enjala,
obulamu bwabwe ne butandika okusereba.
6 Bwe batyo ne bakaabira MUKAMA nga bali mu kabi;
n'abawonya mu kweraliikirira kwabwe.
7 Yabakulembera butereevu
n'abatuusa mu kibuga mwe baabeera.
8 Kale singa beebazanga MUKAMA olw'okwagala kwe okutaggwaawo,
n'olw'eby'ekitalo by'akolera abaana b'abantu!
9 Kubanga abalina ennyonta abanywesa,
n'abayala abakkusa ebirungi.

10 Abamu baatuulanga mu kizikiza ne mu kisiikirize eky'okufa;
abasibiddwa mu byuma era abali mu nnaku ennyingi;
11 kubanga baajeemera ekigambo kya Katonda,
ne banyoomoola amagezi g'oyo Ali Waggulu Ennyo.
12 Baakozesebwa emirimu egy'amaanyi, emitima gyabwe ne gijjula obuyinike;
baagwanga wansi, naye nga tebalina abasitulawo.
13 Bwe batyo ne bakaabirira MUKAMA nga bali mu bizibu byabwe,
era n'abawonya;
14 n'abaggya mu kizikiza ne mu kisiikirize eky'okufa;
n'enjegere ezaali zibasibye n'azikutula.
15 Kale singa beebazanga MUKAMA olw'okwagala kwe okutaggwaawo,
n'olwebikolwa bye eby'ekitalo by'akolera abaana b'abantu!
16 Kubanga enzigi ez'ebikomo azaasaayasa,
n'emitayimbwa egy'ekyuma agimenyamu.

17 Abamu baafuuka basirusiru olw'obujeemu bwabwe;
ne babonaabona olw'ebikolwa byabwe ebibi.
18 Ne batamwa emmere yonna, ne babulako katono ddala okufa.
19 Bwe batyo ne bakaabirira MUKAMA nga bali mu buzibu obwo,
n'abawonya.
20 Yabatumira ekigambo kye, n'awonya endwadde zaabwe;
n'abalokola mu kuzikirira.
21 Kale singa beebazanga MUKAMA olw'okwagala kwe okutaggwaawo,
n'olw'ebikolwa bye eby'ekyewuunyo by'akolera abaana b'abantu!
22 Bamuleeterenga ebiweebwayo eby'okwebaza,
era batendenga ebikolwa bye n'ennyimba ez'essanyu.

23 Abalala baasaabalira mu maato ku nnyanja;
baali basuubuzi b'oku gayanja aganene.
24 Baalaba MUKAMA bye yakola,
ebikolwa bye eby'ekitalo mu buziba bw'ennyanja.
25 Kubanga yalagira omuyaga
ne gusitula amayengo waggulu.

26 Ne gagulumira okutuuka ku ggulu, ate ne gakka wansi mu ddubi;
akabenje ne kabayitirira, ne baggwaamu amaanyi.
27 Ne beesunda, eruuyi n'eruuyi ne baba ng'omutamiivu atagala;
n'amagezi ne gabaggwaako.
28 Bwe batyo ne bakaabira MUKAMA nga bali mu buzibu;
n'abawonya mu kweraliikirira kwabwe.
29 Omuyaga yagusirisa,
ennyanja n'etteeka.
30 Ne bajjula essanyu kubanga ennyanja yateeka;
n'abakulembera n'abatuusa bulungi ku mwalo gwabwe.
31 Kale singa abantu beebazanga MUKAMA olw'okwagala kwe okutaggwaawo,
n'olw'ebikolwa bye eby'ekyewuunyo by'akolera abaana b'abantu!
32 Bamugulumizenga ng'abantu bakuŋŋaanye,
era bamutenderezenga mu lukiiko lw'abakulu.

33 Afuula emigga amalungu,
n'emikutu gy'amazzi ne giba ng'ettaka ekkalu,
34 ensi engimu n'agifuula olukoola olw'olunnyo
olw'obwonoonyi bw'abantu baamu.
35 Eddungu yalijjuza ebidiba by'amazzi,
n'ensi enkalu n'agikulukusizaamu amazzi,
36 abalina enjala n'abateeka omwo,
ne beezimbira ekibuga eky'okubeeramu,
37 ennimiro zaabwe ne bazisigamu emmere, ne basimba emizabbibu,
ne bakungula ebibala bingi.
38 Yabawa omukisa gwe, ne beeyongera obungi;
n'ebisibo byabwe n'atabiganya kukendeera.

39 Ate ne bakendeera obungi, ne bakkakkanyizibwa
olw'okujeezebwa, n'okujoogebwa n'okulaba ennaku;
40 oyo anyooma n'abakungu,
n'ababungeetanyiza mu lukoola omutali kantu.
41 Naye abaali mu kwetaaga yabamalako ennaku n'okubonaabona,
n'ayaza ezzadde lyabwe ng'ebisibo.
42 Abagolokofu, bino babiraba ne basanyuka;
naye abakola ebibi bo basirika busirisi.

43 Abalina amagezi bonna, bagondere ebigambo bino
era bategeere okwagala kwa MUKAMA okutaggwaawo.

# Zabbuli 108

Oluyimba. Zabbuli ya Dawudi.

1 Omutima gwange munywevu, Ayi Katonda;
nnaayimbanga ne nkutendereza n'omwoyo gwange gwonna.
2 Muzuukuke, mmwe entongooli n'ennanga ey'enkoba,
nzija kuyimba okukeesa obudde.
3 Nnaakutenderezanga, Ayi MUKAMA, mu bantu bonna,
nnaakuyimbiranga mu mawanga gonna.
4 Okwagala kwo kunene, kutumbiira okutuuka ku ggulu;
n'obwesigwa bwo butuuka ku bire.

5 Ogulumizibwenga, Ayi Katonda, okuyisa eggulu;
n'ekitiibwa kyo kibune ensi yonna.

6 Tulokole otuyambe n'omukono gwo ogwa ddyo,
abo booyagala banunulibwe.
7 Katonda ayogedde ng'asinziira mu kifo kye ekitukuvu n'agamba nti,
"Nga nzijudde essanyu, ndisala mu Sekemu,
era n'Ekiwonvu kya Sukkosi ndikigabanyagabanyaamu.
8 Ensi ya Gireyaadi yange, n'eya Manase nayo yange.
Efulayimu mwe muli abalwanyi bange abazira;
ate mu Yuda mwe munaavanga bakabaka.
9 Mowaabu be baweereza bange abawulize;
ate Edomu be baddu bange;
Abafirisuuti ndibaleekaanira mu ddoboozi ery'omwanguka ery'obuwanguzi."

10 Ani anantuusa ku kibuga ekigumu ekinywevu?
Ani anankulembera okunnyingiza mu Edomu?
11 Si ggwe, ayi Katonda, atusudde,
atakyatabaala n'amaggye gaffe?
12 Tudduukirire nga tulwanyisa abalabe baffe,
kubanga obuyambi bw'abantu temuli nsa.
13 Bwe tunaabeeranga ne Katonda tunaabanga bawanguzi;
kubanga y'anaalinnyiriranga abalabe baffe wansi w'ebigere bye.

# Zabbuli 109

Ya Makulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi Katonda wange gwe ntendereza,
tonsiriikirira.
2 Kubanga abantu abakola ebibi era abalimba,
banjogeddeko eby'obulimba.
3 Banfukumulidde ebigambo eby'obukyayi,
ne bannumbagana awatali nsonga.
4 Bwe mbalaga omukwano, bo bandaga bukyayi;
kyokka nze mbasabira.
5 Bwe mbakolera ebirungi bo bansasulamu bibi;
bwe mbalaga okwagala bo bankyawa bukyayi.

6 Mumulabire omuntu omukozi w'ebibi amwolekere;
wabeewo amuwawaabira.
7 Bwe banaawoza, omusango gumusinge;
n'okusaba kwe kufuuke kwonoona.
8 Aleme kuwangaala;
omuntu omulala amusikire.
9 Abaana be basigalire awo nga tebaliiko kitaabwe,
ne mukyala we afuuke nnamwandu.
10 Abaana be bataataaganenga nga bagenda basabiriza;
bagobebwe ne mu bifulukwa mwe basula.
11 Amubanja ajje awambe ebibye byonna;
n'abagwira bamunyageko ebintu bye byonna bye yakolerera.
12 Waleme kubaawo amusaasira,

wadde akolera abaana be ebyekisa.
13 Ezzadde lye lizikirizibwe,
n'amannya g'abazzukulu be gasangulwe mu ago ag'omu mulembe oguliddirira.
14 MUKAMA ajjukirenga ebyonoono bya bakadde be;
n'ekibi kya nnyina kireme kwerabirwanga.
15 MUKAMA ajjukirenga ebyonoono byabwe bulijjo,
n'ensi ebeerabirire ddala.

16 Kubanga talowoozangako kukolera muntu yenna kya kisa;
naye yayigganyanga abaavu, n'abeetaaga,
n'abanakuwavu n'abatuusa ne ku kufa.
17 Yayagalanga nnyo okukolima; kale ebikolimo bimwefuulire. Teyayagalanga mikisa; kale gimwesambire ddala!
18 Yeeteekako okukolima ng'ekyambalo,
ne kumutobya ng'amazzi,
ne kuyingira mu magumba ge ng'amafuta.
19 Kubeerenga ng'ekyambalo ky'ayambadde,
era ng'olukoba lwe yeesibye emirembe gyonna.
20 Ebyo byonna y'eba ebeera empeera, MUKAMA gy'awa abo abandoopaloopa,
era abanjogerako eby'akabi ebyereere.

21 Naye ggwe, Ayi MUKAMA Katonda wange,
nnwanirira olw'erinnya lyo;
era omponye olw'okwagala kwo okulungi okutaggwaawo.
22 Kubanga ndi mwavu era ali mu kwetaaga,
n'omutima gwange gunyolwa nnyo.
23 Sikyaliwo, ndi ng'ekisiikirize eky'akawungeezi;
mmansuddwa eri ng'enzige.
24 Amaviivi gange ganafuye olw'okusiiba;
omubiri gwange gukozze ne guggwaamu ensa.
25 Abandoopaloopa bansekerera;
bwe bandaba nga banyeenyeza omutwe.

26 Mbeera, Ayi MUKAMA Katonda wange!
Ondokole ng'okwagala kwo okutaggwaawo bwe kuli.
27 Baleke bategeere nti ggwe okikoze,
n'omukono gwo Ayi MUKAMA.
28 Balikoma, naye ggwe olimpa omukisa!
Leka abannumbagana baswale,
naye nze omuddu wo nga nsanyuka!
29 Abandoopa baswazibwe,
n'ensonyi zaabwe zibabuzeeko obwekyusizo.

30 Nneebazanga MUKAMA n'akamwa kange;
nnaamutenderezanga wakati mu kibiina ekinene.
31 Kubanga alwanirira omunaku ali mu kwetaaga,
n'amuwonya abo abaagala afe.

# Zabbuli 110

Zabbuli ya Dawudi.
1 MUKAMA yagamba Mukama wange nti:

“Tuula wano ku mukono gwange ogwa ddyo,
okutuusa lwe ndimala okufufuggaza abalabe bo
ne mbassa wansi w’ebigere byo.*”

2 MUKAMA aligaziya obufuzi bwo okuva mu Sayuuni;
olifuga abalabe bo.
3 Abantu bo balyewaayo bokka mu ggye lyo
ng’ekiseera ky’olutalo kituuse.
Abavubuka bo,
nga bali mu by’ekitiibwa ekitukuvu,
balikukuŋŋaanirako ng’omusulo bwe gulabika ng’obudde bwakakya.

4 MUKAMA yalayira,
era tagenda kukijjulula,
yagamba nti, “Olibeera kabona emirembe gyonna
ng’engeri ya Merukizeddeeki bw’eri.”

5 Mukama anaakulwaniriranga;
bakabaka abakulwanyisa anaababetentanga mu busungu bwe obungi.
6 Aliramula amawanga, abafuzi b’ensi yonna n’abazikiriza,
n’entuumo z’emirambo ziriba nnyingi ku nsi yonna.
7 Alinywa amazzi mu kagga ku kkubo,
n’addamu amaanyi ag’obuwanguzi.

# Zabbuli 111

1 Mutendereze MUKAMA!

Nneebazanga MUKAMA n’omutima gwange gwonna,
mu lukiiko lw’abalongoofu, era ne mu lukuŋŋaana.

2 MUKAMA by’akola bikulu;
bifumiitirizibwako abo bonna ababisanyukira.
3 Emirimu gye mikulu nnyo era gya kitiibwa,
n’obutuukirivu bwe tebuggwaawo emirembe gyonna.
4 Ayamba abantu okujjukira ebyamagero bye,
MUKAMA wa kisa era ajjudde okusaasira.
5 Agabira abamutya emmere;
era ajjukira endagaano ye buli kiseera.

6 Abantu be abalaze ng’ebikolwa bye bwe biri eby’amaanyi;
n’abagabira ensi eyali ey’abannaggwanga.
7 By’akola byonna bya bwesigwa era bya bwenkanya;
n’amateeka ge gonna ga bwesigwa,
8 manywevu emirembe gyonna;

---

* **Zabbuli 110:1** Entebe ez’obwakabaka ez’edda, zaateekebwanga waggulu, kabaka ng’alina kulinnya maddaala okutuulako. Bakabaka abaawangulanga abalabe baabwe, babafufugazanga ne babassa wansi w’ebigere byabwe.

era yagassaawo nga ga bwesigwa era nga ga mazima.
9 Yanunula abantu be;
n'alagira endagaano ye ebeerewo emirembe gyonna.
Erinnya lye ttukuvu era lya ntiisa!

10 Mu kutya MUKAMA amagezi mwe gasookera
era abo abagondera ebigambo ebyo bajjudde obutegeevu.
MUKAMA atenderezebwenga emirembe gyonna.

# Zabbuli 112

1 Mutendereze MUKAMA!*

Alina omukisa omuntu atya Katonda,
era asanyukira ennyo mu mateeka ge.

2 Abaana be baliba ba kitiibwa mu nsi;
omulembe gw'abalongoofu guliweebwa omukisa.
3 Ennyumba ye enejjulanga ebintu n'obugagga obungi;
era anaabanga mutuukirivu ennaku zonna.
4 Ne mu kizikiza, ekitangaala kyakira omulongoofu,
alina ekisa, n'oyo alina okusaasira, era omutuukirivu.
5 Omuntu oyo agabira abeetaaga, era tawolera magoba,
era akola emirimu gye gyonna n'obwenkanya, alifuna ebirungi.
6 Omutuukirivu talinyeenyezebwa,
era anajjukirwanga ennaku zonna.
7 Amawulire amabi tegaamutiisenga,
kubanga omutima gwe munywevu gwesiga MUKAMA.
8 Omutima gwe guteredde, tewali ky'anaatyanga,
era oluvannyuma alitunuulira abalabe be n'amaaso ag'obuwanguzi.
9 Agabidde abaavu bye beetaaga;
mutuukirivu ebbanga lyonna;
era bonna banaamussangamu ekitiibwa.

10 Omubi anaabirabanga ebyo, n'asunguwala,
n'aluma abugigi, naye nga talina kya kukola.
Okwegomba kw'ababi tekuubengako kye kubagasa.

# Zabbuli 113

1 Mutendereze MUKAMA!

Mumutendereze, mmwe abaweereza be,
mutendereze erinnya lya MUKAMA.
2 Erinnya lya MUKAMA litenderezebwe
okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.
3 Enjuba weeviirayo okutuusa bw'egwa,
erinnya lya MUKAMA litenderezebwenga.

4 MUKAMA agulumizibwa okusinga amawanga gonna,
era n'ekitiibwa kye kisinga eggulu.
5 Ani afaanana nga MUKAMA Katonda waffe,

* **Zabbuli 112:1** Mu Lwebbulaniya Aleruuya

atuula ku ntebe ye ey’obwakabaka eri waggulu ennyo,
6 ne yeetoowaza
okutunuulira eggulu n’ensi?

7 Abaavu abayimusa n’abaggya mu nfuufu;
n’abali mu kwetaaga n’abasitula ng’abaggya mu vvu,
8 n’abatuuza wamu n’abalangira,
awamu n’abalangira abo abafuga abantu be.
9 Omukazi omugumba amuwa abaana,
n’abeera mu maka ge n’ezzadde lye ng’ajjudde essanyu.

Mutendereze MUKAMA!

# Zabbuli 114

1 Isirayiri bwe yava mu Misiri,
abaana ba Yakobo abo, ne bava mu bantu abaayogeranga olulimi olutali lwabwe;
2 Yuda n’afuuka omutukuvu wa Katonda,
Isirayiri n’afuuka amatwale ge.

3 Ennyanja bwe yabalaba n’edduka;
Omugga Yoludaani ne gudda emabega.
4 Ensozi ne zibuukabuuka ng’endiga zisseddume,
n’obusozi obutono ng’obuliga obuto.

5 Ggwe ennyanja, lwaki wadduka?
Ggwe Yoludaani, lwaki wadda emabega?
6 Mmwe ensozi, lwaki mwabuukabuuka ng’endiga zisseddume,
nammwe obusozi obutono ng’obuliga obuto?

7 Kankana, ggwe ensi, mu maaso ga Mukama,
mu maaso ga Katonda wa Yakobo,
8 eyafuula olwazi ekidiba eky’amazzi,
n’olwazi olugumu n’aluggyamu ensulo ez’amazzi.

# Zabbuli 115

1 Si ffe, Ayi MUKAMA, si ffe.
Wabula erinnya lyo lye ligwana okuweebwanga ekitiibwa,
olw’okwagala kwo n’olw’obwesigwa bwo.

2 Lwaki amawanga gabuuza nti,
“Katonda waabwe ali ludda wa?”
3 Katonda waffe ali mu ggulu;
akola buli ky’ayagala.
4 Bakatonda baabwe bakole mu ffeeza ne zaabu,
ebikolebwa n’emikono gy’abantu.
5 Birina emimwa, naye tebyogera;
birina amaaso, naye tebiraba.
6 Birina amatu, naye tebiwulira;
birina ennyindo, naye tebiwunyiriza.
7 Birina engalo, naye tebikwata;
birina ebigere, naye tebitambula;

ne mu bulago bwabyo temuvaamu ddoboozi n'akamu,
8 abakozi ababikola,
n'abo bonna ababyesiga balibifaanana.

9 Mmwe ennyumba ya Isirayiri mwesigenga MUKAMA,
ye mubeezi wammwe era ye ngabo yammwe.
10 Mmwe ennyumba ya Alooni mwesigenga MUKAMA,
ye mubeezi wammwe era ye ngabo yammwe.
11 Mmwe abamutya, mwesigenga MUKAMA,
ye mubeezi wammwe, era ye ngabo yammwe.

12 MUKAMA anaatujjukiranga, era anaatuwanga omukisa.
Ab'ennyumba ya Isirayiri anaabawanga omukisa;
ab'omu nnyumba ya Alooni anaabawanga omukisa;
13 n'abo abamutya, ab'ekitiibwa n'abatali ba kitiibwa,
MUKAMA anaabawanga omukisa.

14 MUKAMA abaaze mweyongere nnyo obungi,
mmwe n'abaana bammwe.
15 MUKAMA, eyakola eggulu n'ensi,
abawe omukisa.

16 Eggulu ery'oku ntikko lya MUKAMA,
naye ensi yagiwa abantu bonna.
17 Abafu tebatendereza MUKAMA,
wadde abo abaserengeta emagombe.
18 Naye ffe tunaatenderezanga MUKAMA,
okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.

Mutendereze MUKAMA!

# Zabbuli 116

1 MUKAMA mmwagala,
kubanga awulidde eddoboozi lyange n'okwegayirira kwange.
2 Kubanga ateze okutu kwe gye ndi,
kyennaavanga mmukoowoola ebbanga lyonna lye ndimala nga nkyali mulamu.

3 Emiguwa gy'okufa gyansiba,
n'okulumwa okw'emagombe kwankwata;
ne nzijula ennaku nnyingi n'okutya.
4 Ne ndyoka nkoowoola erinnya lya MUKAMA nti,
"Ayi MUKAMA, ndokola."

5 MUKAMA wa kisa, era mutuukirivu;
Katonda waffe ajjudde okusaasira.
6 MUKAMA alabirira abantu abaabulijjo;
bwe nnali mu buzibu obunene, n'andokola.

7 Wummula ggwe emmeeme yange,
kubanga MUKAMA abadde mulungi gy'oli.
8 Kubanga ggwe, Ayi MUKAMA, owonyezza omwoyo gwange okufa,

n'amaaso gange ogawonyezza okukaaba;
n'ebigere byange n'obiwonya okwesittala,
9 ndyoke ntambulirenga mu maaso ga MUKAMA
mu nsi ey'abalamu.

10 Nakkiriza kyennava njogera nti,
"Numizibbwa nnyo."
11 Ne njogera nga nterebuse nti,
"Abantu bonna baliraba."

12 MUKAMA ndimusasula ntya
olw'ebirungi bye ebingi bwe bityo by'ankoledde?
13 Nditoola ekikompe eky'obulokozi,
ne nkoowoola erinnya lya MUKAMA.
14 Ndituukiriza obweyamo bwange eri MUKAMA,
mu maaso g'abantu be bonna.

15 Okufa kw'abatukuvu ba MUKAMA kwa muwendo nnyo eri MUKAMA.
16 Ayi MUKAMA,
onsumuluddeko ebyansiba n'onfuula wa ddembe,
nange nnaakuweerezanga ennaku zonna.

17 Ndiwaayo ekiweebwayo eky'okwebaza,
ne nkoowoola erinnya lya MUKAMA.
18 Ndituukiriza obweyamo bwange eri MUKAMA,
mu maaso g'abantu be bonna,
19 mu mpya z'ennyumba ya MUKAMA;
wakati wo, ggwe Yerusaalemi.

Mutendereze MUKAMA.

# Zabbuli 117

1 Mutendereze MUKAMA, mmwe ensi zonna;
mumugulumize, mmwe amawanga gonna.
2 Kubanga okwagala kwe okutaggwaawo kungi gye tuli;
n'obwesigwa bwa MUKAMA bwa lubeerera.

Mutendereze MUKAMA.

# Zabbuli 118

1 Mwebaze MUKAMA, kubanga mulungi;
okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

2 Kale Isirayiri ayogere nti,
"Okwagala kwa MUKAMA kubeerera emirembe gyonna."
3 N'ab'ennyumba ya Alooni boogere nti,
"Okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna."
4 Abo abatya MUKAMA boogere nti,
"Okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna."

5 Bwe nnali mu nnaku empitirivu, nakoowoola MUKAMA,
n'annyanukula, n'agimponya.

6 MUKAMA ali ku ludda lwange, siriiko kye ntya.
Abantu bayinza kunkolako ki?
7 MUKAMA ali nange, ye anyamba.
Abalabe bange nnaabatunuuliranga n'amaaso ag'obuwanguzi.

8 Kirungi okwesiga MUKAMA
okusinga okwesiga omuntu.
9 Kirungi okuddukira eri MUKAMA
okusinga okwesiga abalangira.
10 Ensi zonna zanzinda ne zinneebungulula,
naye mu linnya lya MUKAMA naziwangula.
11 Banneebungulula enjuuyi zonna;
naye mu linnya lya MUKAMA nabawangula.
12 Bankuŋŋaanirako ne banneebungulula ng'enjuki;
naye ne basirikka ng'amaggwa agakutte omuliro;
mu linnya lya MUKAMA nabawangula.
13 Bannumba n'amaanyi mangi, ne mbulako katono okugwa;
naye MUKAMA n'annyamba.
14 MUKAMA ge maanyi gange, era lwe luyimba lwange,
afuuse obulokozi bwange.

15 Muwulire ennyimba ez'essanyu ez'obuwanguzi,
nga ziyimbirwa mu weema z'abatuukirivu nti,
"Omukono gwa MUKAMA ogwa ddyo gutukoledde ebikulu!
16 Omukono gwa MUKAMA ogwa ddyo gugulumizibbwa;
omukono gwa MUKAMA ogwa ddyo gutukoledde ebikulu!"
17 Sijja kufa, wabula nzija kuba mulamu,
ndyoke ntegeeze ebyo byonna MUKAMA by'akoze.
18 MUKAMA ambonerezza nnyo,
naye tandese kufa.
19 Munzigulirewo emiryango egy'obutuukirivu,
nnyingire, neebaze MUKAMA.
20 Guno gwe mulyango omunene ogwa MUKAMA,
abatuukirivu mmwe banaayingiriranga.
21 Nkwebaza kubanga onnyanukudde
n'ofuuka obulokozi bwange.

22 Ejjinja abazimbi lye baagaana lye
lifuuse ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.
23 Kino MUKAMA ye yakikola;
era ffe tukiraba nga kya kitalo mu maaso gaffe.
24 Luno lwe lunaku MUKAMA lw'akoze;
tusanyuke tulujagulizeeko.

25 Ayi MUKAMA tukwegayiridde, tulokole,
Ayi MUKAMA tukwegayiridde otuwe obuwanguzi.

26 Alina omukisa oyo ajja mu linnya lya MUKAMA.
Tubasabidde omukisa nga tuli mu nnyumba ya MUKAMA.
27 MUKAMA ye Katonda,
y'atwakiza omusana.

Mukumbire wamu nga mukutte amatabi mu ngalo zammwe n'ekiweebwayo kyammwe
kituukire ddala ku mayembe g'ekyoto.

28 Ggwe Katonda wange, nnaakwebazanga;
ggwe Katonda wange, nange nnaakugulumizanga.

29 Mwebaze MUKAMA kubanga mulungi,
n'okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

# Zabbuli 119

*א Alefu*

1 Balina omukisa abo abatambulira mu butuukirivu;
abatambulira mu mateeka ga MUKAMA.
2 Balina omukisa abo abagondera ebiragiro bye,
era abanoonya MUKAMA n'omutima gwabwe gwonna.
3 Abo abatasobya, era abatambulira mu makubo ge.
4 Ggwe wateekawo ebiragiro byo;
n'olagira bigonderwenga n'obwegendereza bungi.
5 Ayi MUKAMA, nsaba mbeerenga munywevu bulijjo;
nga nkuuma bye walagira.
6 Bwe ntyo siriswazibwa, amaaso gange nga
ngasimbye ku ebyo bye walagira byonna.
7 Nga njiga ebiragiro byo ebitukuvu,
nnaakutenderezanga n'omutima omulungi.
8 Nnaakwatanga amateeka go;
Ayi MUKAMA, tonsuulira ddala.

*ב Bessi*

9 Omuvubuka anaakuumanga atya ekkubo lye nga ttereevu?
Anaalikuumanga ng'agoberera ekigambo kyo nga bwe kiri.
10 Nkunoonya n'omutima gwange gwonna;
tonzikiriza kuva ku mateeka go.
11 Ntadde ekigambo kyo mu mutima gwange;
ndyoke nneme okwonoona.
12 Ogulumizibwe, Ayi MUKAMA;
onjigirize amateeka go.
13 Njatula n'akamwa kange
amateeka go gonna ge walagira.
14 Nsanyukira okugondera ebiragiro byo,
ng'asanyukira eby'obugagga.
15 Nnaafumiitirizanga ku biragiro byo,
ne nzisaayo omwoyo ku makubo go.
16 Nnaasanyukiranga amateeka go,
era siigeerabirenga.

*ג Gimero*

17 Omuddu wo omukolere ebirungi, mbe omulamu,
ngobererenga ekigambo kyo.
18 Ozibule amaaso gange, nsobole okulaba
eby'ekitalo ebiri mu mateeka go.
19 Nze ndi muyise ku nsi;
tonkisa bye walagira.

20 Bulijjo emmeeme yange
eyaayaanira amateeka go.
21 Onenya ab'amalala, abaakolimirwa,
abaleka amateeka go.
22 Mponya okuduula kwabwe n'okunyooma kwabwe;
kubanga bye walagira mbigondera.
23 Newaakubadde ng'abalangira bansalira enkwe;
naye nze, omuweereza wo, nnaafumiitirizanga ku biragiro byo.
24 Amateeka go lye ssanyu lyange,
era ge gannuŋŋamya.

ד *Daleeti*

25 Nzigweddemu amaanyi, ndi wansi mu nfuufu;
nkusaba onzizeemu endasi ng'ekigambo kyo bwe kiri.
26 Nakutegeeza bye nteesezza okukola, n'onnyanukula;
onjigirize amateeka go.
27 Njigiriza amateeka go bye gagamba,
nange nnaafumiitirizanga ku byamagero byo.
28 Emmeeme empweddemu ensa olw'okunakuwala;
onzizeemu amaanyi ng'ekigambo kyo bwe kiri.
29 Nzigiraako ddala ebyo ebitali bya butuukirivu;
olw'ekisa kyo njigiriza amateeka go.
30 Nonzeewo okubeera omwesigwa;
ntambulire mu ebyo bye walagira.
31 Nnyweredde ku biragiro byo, Ayi MUKAMA,
tondeka kuswazibwa.
32 Bw'onoosumulula omutima gwange,
nnaatambuliranga mu makubo go ng'ebiragiro byo bwe biri.

ה *Eh*

33 Njigiriza, Ayi MUKAMA, okugonderanga ebiragiro byo;
ndyoke mbinywezenga ennaku zonna ez'obulamu bwange.
34 Mpa okutegeera ndyoke nkuume amateeka go
era ngakwate n'omutima gwange gwonna.
35 Ntambuliza mu mateeka go,
kubanga mwe nsanyukira.
36 Okyuse omutima gwange ogulaze eri ebyo bye walagira;
so si eri eby'okufuna ebitaliimu.
37 Kyusa amaaso gange galeme okunneegombesa ebitaliimu;
obulamu bwange obufuule obuggya ng'ekigambo kyo bwe kiri.
38 Tuukiriza kye wasuubiza omuddu wo,
kubanga ekyo kye wasuubiza abo abakutya.
39 Nziggyako okunyoomebwa kuno kwe ntya,
kubanga ebiragiro byo birungi.
40 Laba, njayaanira ebiragiro byo;
onkomyewo mu butuukirivu bwo.

ו *Waawu*

41 Okwagala kwo okutaggwaawo kujje gye ndi, Ayi MUKAMA;
ompe obulokozi bwo nga bwe wasuubiza;
42 ndyoke mbeere n'eky'okwanukula abo abambonyaabonya;
kubanga neesiga kigambo kyo.
43 Toganya kigambo ekitali kya mazima okuva mu kamwa kange;
kubanga essuubi lyange liri mu ebyo bye walagira.

44 Nnaagonderanga amateeka go ennaku zonna,
emirembe n'emirembe.
45 Era nnaatambulanga n'emirembe,
kubanga ngoberedde ebyo bye walagira.
46 Era nnaayogeranga ku biragiro by'omu maaso ga bakabaka,
nga sikwatibwa nsonyi.
47 Kubanga nsanyukira amateeka go,
era ngaagala.
48 Nzisaamu nnyo ekitiibwa ebiragiro byo era mbyagala.
Nnaafumiitirizanga ku mateeka go.

*ז Zayini*

49 Jjukira ekigambo kye wansuubiza, nze omuddu wo,
kubanga gwe wampa essuubi.
50 Ekiwummuza omutima gwange nga ndi mu bulumi
kye kisuubizo kyo ekimpa obulamu.
51 Ab'amalala banduulira obutamala,
naye nze siva ku mateeka go.
52 Bwe ndowooza ku biragiro byo eby'edda, Ayi MUKAMA,
biwummuza omutima gwange.
53 Nkyawa nnyo abakola ebibi,
abaleka amateeka go.
54 Ebiragiro byo binfuukidde ennyimba
buli we nsula nga ndi mu lugendo lwange.
55 Mu kiro nzijukira erinnya lyo, Ayi MUKAMA,
ne neekuuma amateeka go.
56 Olw'okukugonderanga
nfunye emikisa gyo mingi.

*ח Esi*

57 Ggwe mugabo gwange, Ayi MUKAMA;
nasuubiza okukugonderanga.
58 Nkwegayirira n'omutima gwange gwonna,
ondage ekisa kyo nga bwe wasuubiza.
59 Bwe ndabye amakubo amakyamu ge nkutte,
ne nkyuka okugoberera ebiragiro byo.
60 Nyanguwa nnyo okugondera amateeka go,
so seekunya.
61 Newaakubadde ng'emiguwa gy'ababi ginsibye,
naye seerabirenga mateeka go.
62 Nzuukuka mu ttumbi okukwebaza,
olw'ebiragiro byo ebituukirivu.
63 Ntambula n'abo abakutya,
abo bonna abakwata amateeka go.
64 Ensi, Ayi MUKAMA, ejjudde okwagala kwo;
onjigirize amateeka go.

*ט Teesi*

65 Okoze bulungi omuddu wo, Ayi MUKAMA,
ng'ekigambo kyo bwe kiri.
66 Njigiriza okumanya n'okwawula ekirungi n'ekibi, era ompe okumanya;
kubanga nzikiririza mu mateeka go.
67 Bwe wali tonnambonereza nakyama nnyo,
naye kaakano ŋŋondera ekigambo kyo.

68 Ayi MUKAMA, oli mulungi era okola ebirungi;
onjigirize amateeka go.
69 Ab'amalala banjogeddeko nnyo eby'obulimba,
naye nze nkwata ebyo bye walagira, n'omutima gwange gwonna.
70 Omutima gwabwe gugezze ne gusavuwala;
naye nze nsanyukira amateeka go.
71 Okubonerezebwa kwangasa,
ndyoke njige amateeka go.
72 Amateeka go ge walagira ga mugaso nnyo gye ndi
okusinga enkumi n'enkumi eza ffeeza ne zaabu.

י *Yoodi*

73 Emikono gyo gye gyankola ne gimmumba,
mpa okutegeera ndyoke njige amateeka go.
74 Abo abakutya banandabanga ne basanyuka,
kubanga essuubi lyange liri mu kigambo kyo.
75 Mmanyi, Ayi MUKAMA, ng'amateeka go matukuvu,
era wali mutuufu okumbonereza.
76 Kale okwagala kwo okutaggwaawo kumbeere kumpi kunsanyuse,
nga bwe wansuubiza, nze omuddu wo.
77 Kkiriza okusaasira kwo kuntuukeko ndyoke mbeere mulamu;
kubanga mu mateeka go mwe nsanyukira.
78 Ab'amalala baswazibwe, kubanga bampisizza bubi nga siriiko kye nkoze.
Naye nze nnaafumiitirizanga ku biragiro byo.
79 Abo abakutya bajje gye ndi,
abategeera amateeka go.
80 Mbeera, omutima gwange guleme kubaako kya kunenyezebwa mu mateeka go,
nneme kuswazibwa!

כ *Kaafu*

81 Emmeeme yange erumwa nnyo ennyonta ng'eyaayaanira obulokozi bwo,
essuubi lyange liri mu kigambo kyo.
82 Ntunuulidde ebbanga ddene n'amaaso gange ne ganfuuyirira nga nninda okutuukirira kw'ekisuubizo kyo;
ne neebuuza nti, "Olinsanyusa ddi?"
83 Newaakubadde nga nfuuse ng'ensawo ey'eddiba, eya wayini eri mu mukka*,
naye seerabira bye walagira.
84 Ayi MUKAMA, nze omuddu wo nnaalindirira kutuusa ddi
nga tonnabonereza abo abanjigganya?
85 Abantu ab'amalala abatatya Katonda bansimidde ebinnya mu kkubo;
be bo abatagondera mateeka go.
86 Amateeka go gonna geesigibwa;
abo abatakwagala banjigganyiza bwereere; nkusaba onnyambe!
87 Baali kumpi okunzikiririza ddala ku nsi kuno;
naye nze sivudde ku ebyo bye walagira.
88 Olw'okwagala kwo okutaggwaawo ndekera obulamu bwange,

* **Zabbuli 119:83** Ensawo ez'eddiba eza wayini atanakaatuuka, zaawanikibwanga waggulu omukka guziyiteko, wayini akaatuuke mangu. Oluvannyuma, ensawo ey'eddiba teyakozesebwanga nate, era yasuulibwanga

ndyoke nkuume ebyo bye walagira ebiva mu kamwa ko.

ל *Lamedi*

89 Ayi MUKAMA, Ekigambo kyo kinywevu mu ggulu,
kya mirembe gyonna.
90 Obwesigwa bwo tebuggwaawo emirembe gyonna;
watonda ensi era enyweredde ddala.
91 Amateeka go na buli kati manywevu;
kubanga ebintu byonna bikuweereza.
92 Singa nnali sisanyukira mu mateeka go,
nandizikiridde olw'obulumi bwe nalimu.
93 Siyinza kwerabira biragiro byo;
kubanga mu ebyo obulamu bwange mw'obufuulidde obuggya.
94 Ndi wuwo, ndokola,
kubanga neekuumye bye walagira.
95 Newaakubadde ng'abakola ebibi beekukumye nga banteeze okunzikiriza;
naye nze nyweredde ku ebyo bye walagira.
96 Ebintu byonna biriko we bikoma
naye amateeka go tegakugirwa.

מ *Meemu*

97 Amateeka go nga ngagala nnyo!
Ngafumiitirizaako olunaku lwonna.
98 Amateeka go ganfuula mugezi okusinga abalabe bange,
kubanga ge gannuŋŋamya bulijjo.
99 Ntegeera okusinga abasomesa bange bonna,
kubanga nfumiitiriza nnyo ebyo bye walagira.
100 Ntegeera okusinga abakadde;
kubanga ŋŋondera ebyo bye walagira.
101 Neekuumye obutatambulira mu kkubo lyonna ekyamu,
nsobole okugondera ekigambo kyo.
102 Sivudde ku mateeka go,
kubanga ggwe waganjigiriza.
103 Ebisuubizo byo nga bimpoomera nnyo!
Biwoomera akamwa kange okusinga omubisi gw'enjuki.
104 Mu biragiro byo mwe nfunira okutegeera;
kyenva nkyawa ekkubo lyonna ekyamu.

נ *Nuuni*

105 Ekigambo kyo ye ttaala eri ebigere byange,
era kye kimulisa ekkubo lyange.
106 Ndayidde ekirayiro era nkikakasizza
nga nnaakwatanga amateeka ag'obutuukirivu bwo.
107 Nnumizibwa nnyo;
nzizaamu obulamu, Ayi MUKAMA, ng'ekigambo kyo bwe kiri.
108 Okkirize Ayi MUKAMA ettendo akamwa kange lye kakuwa;
era onjigirize amateeka go.
109 Newaakubadde ng'obulamu bwange ntera okubutambuza nga bwe njagala,
naye seerabira mateeka go.
110 Abakola ebibi banteze omutego,
naye sikyamye kuva ku ebyo bye walagira.
111 Ebiragiro byo gwe mugabo gwange emirembe gyonna;

weewaawo, ebyo bye bisanyusa omutima gwange.
112 Omutima gwange gweteeseteese okukwatanga ebiragiro byo
ennaku zonna ez'obulamu bwange.

*ס Sameki*

113 Nkyawa abalina emitima egisagaasagana,
naye nze njagala amateeka go.
114 Ggwe kiddukiro kyange era ggwe ngabo yange;
essuubi lyange liri mu kigambo kyo.
115 Muve we ndi mmwe abakola ebitali bya butuukirivu,
mundeke nkwate ebiragiro bya Katonda wange.
116 Onnyweze nga bwe wasuubiza, ndyoke mbeere omulamu;
nneme kuswazibwa ne nzigwamu essuubi.
117 Onnyweze ndyoke nfuuke ow'eddembe,
era nkwatenga ebiragiro byo bulijjo.
118 Onyooma abo bonna abaleka ebiragiro byo;
weewaawo obugezigezi bwabwe tebuliimu kantu.
119 Abakola ebibi bonna mu nsi obalaba ng'ebisasiro;
nze kyenva njagala ebyo bye walagira.
120 Nkankana nzenna nga nkutya,
era ntya amateeka go.

*ע Ayini*

121 Nkoze eby'obwenkanya era eby'obutuukirivu;
tondeka mu mikono gy'abo abanjooga.
122 Okakase okundaganga ekisa kyo bulijjo,
oleme kukkiriza ababi okunjooganga.
123 Amaaso gange ganfuuyiririra, nga nnindirira obulokozi bwo
n'ebyo bye wasuubiza mu butuukirivu bwo.
124 Nze omuddu wo nkolaako ng'okwagala kwo bwe kuli;
era onjigirize amateeka go.
125 Ndi muddu wo, mpa okwawula ekirungi n'ekibi;
ndyoke ntegeere ebiragiro byo.
126 Ekiseera kituuse, Ayi Mukama, okubaako ky'okola,
kubanga amateeka go gamenyeddwa.
127 Naye nze njagala amateeka go
okusinga zaabu, wadde zaabu omulongoose.
128 Kubanga mmanyi ng'ebiragiro byo byonna bituufu;
nkyawa buli kkubo lyonna ekyamu.

*פ Pe*

129 Ebiragiro byo bya kitalo;
kyenva mbigondera.
130 Ebigambo byo bwe binnyonnyolwa bireeta omusana;
n'atategeera bulungi bimugeziwaza.
131 Njasamya akamwa kange ne mpejjawejja
nga njaayaanira amateeka go.
132 Nkyukira, onkwatirwe ekisa,
nga bw'okolera bulijjo abo abaagala erinnya lyo.
133 Oluŋŋamye ebigere byange ng'ekigambo kyo bwe kiri,
era tokkiriza kibi kyonna kunfuga.
134 Mponya okujooga kw'abantu,
bwe ntyo nkwatenga ebiragiro byo.
135 Ontunuulire, nze omuddu wo, n'amaaso ag'ekisa,

era onjigirizenga amateeka go.
136 Amaziga gakulukuta mu maaso gange ng'omugga,
olw'abo abatakwata mateeka go.

### צ *Tisade*

137 Oli mutuukirivu, Ayi Katonda,
era amateeka go matuufu.
138 Ebiragiro byo bye wateekawo bituukirivu,
era byesigibwa.
139 Nnyiikadde nnyo munda yange,
olw'abalabe bange abatassaayo mwoyo eri ebiragiro byo.
140 Ebisuubizo byo byetegerezebwa nnyo,
kyenva mbyagala.
141 Newaakubadde ndi muntu wa bulijjo era anyoomebwa, naye seerabira biragiro byo.
142 Obutuukirivu bwo bwa lubeerera,
n'amateeka go ga mazima.
143 Newaakubadde nga ndi mu kulumwa n'okutegana okungi,
amateeka go ge gansanyusa.
144 Ebiragiro byo bituufu emirembe gyonna;
onjigirize okubitegeera ndyoke mbeere omulamu.

### ק *Koofu*

145 Nkoowoola n'omutima gwange gwonna, Ayi MUKAMA, onnyanukule!
Nnaagonderanga amateeka go.
146 Nkukaabirira, ondokole,
nkwate ebiragiro byo.
147 Ngolokoka bunatera okukya ne nkukaabirira onnyambe;
essuubi lyange liri mu kigambo kyo.
148 Seebaka ekiro kyonna
nga nfumiitiriza ku ebyo bye wasuubiza.
149 Olw'okwagala kwo okutaggwaawo wulira eddoboozi lyange, Ayi MUKAMA,
ompe obulamu obuggya ng'amateeka go bwe gali.
150 Abo ab'enkwe era abatakwata mateeka go bansemberedde,
kyokka bali wala n'amateeka go.
151 Naye ggwe, Ayi MUKAMA, oli kumpi nange,
era n'amateeka go gonna ga mazima.
152 Okuva edda n'edda nayiga mu biragiro byo,
nga wabissaawo bibeerewo emirembe gyonna.

### ר *Leesi*

153 Tunuulira okubonaabona kwange omponye,
kubanga seerabira mateeka go.
154 Ompolereze, onnunule,
onzizeemu obulamu nga bwe wasuubiza.
155 Abakola ebibi obulokozi bubabeera wala,
kubanga tebanoonya mateeka go.
156 Ekisa kyo kinene, Ayi MUKAMA,
onzizeemu obulamu nga bwe wasuubiza.
157 Abalabe abanjigganya bangi,
naye nze siivenga ku biragiro byo.
158 Nnakuwalira abo abatakwesiga,
kubanga tebakwata biragiro byo.

159 Laba, Ayi MUKAMA, bwe njagala ebiragiro byo!
Onkuumenga ng'okwagala kwo bwe kuli.
160 Ebigambo byo byonna bya mazima meereere;
n'amateeka go ga lubeerera.

*ש Sini ne Sikini*

161 Abafuzi banjigganyiza bwereere,
naye ekigambo kyo nkissaamu ekitiibwa.
162 Nsanyukira ekisuubizo kyo okufaanana
ng'oyo afunye obugagga obungi.
163 Nkyawa era ntamwa obulimba,
naye amateeka go ngagala.
164 Mu lunaku nkutendereza emirundi musanvu
olw'amateeka go amatuukirivu.
165 Abo abaagala amateeka go bali mu ddembe lingi;
tewali kisobola kubeesittaza.
166 Nnindirira obulokozi bwo, Ayi MUKAMA,
era mu biragiro byo mwe ntambulira.
167 Ŋŋondera ebiragiro byo,
mbyagala nnyo nnyini.
168 Buli kye nkola okimanyi,
era olaba nga bwe nkwata ebiragiro byo.

*ת Taawu*

169 Okukaaba kwange kutuuke gy'oli, Ayi MUKAMA,
ompe okutegeera ng'ekigambo kyo bwe kiri.
170 Okwegayirira kwange kutuuke gy'oli,
onnunule nga bwe wasuubiza.
171 Akamwa kange kanaakutenderezanga,
kubanga gw'onjigiriza amateeka go.
172 Olulimi lwange lunaayimbanga ekigambo kyo,
kubanga bye walagira byonna bya butuukirivu.
173 Omukono gwo gumbeerenga,
kubanga nnonzeewo okukwatanga ebiragiro byo.
174 Neegomba nnyo obulokozi bwo, Ayi MUKAMA,
era amateeka go lye ssanyu lyange.
175 Ompe obulamu nkutenderezenga,
era amateeka go gampanirirenga.
176 Ndi ng'endiga ebuze.
Onoonye omuddu wo,
kubanga seerabidde mateeka go.

# Zabbuli 120

Oluyimba nga balinnya amadaala.

1 Nkoowoola MUKAMA nga ndi mu nnaku,
era n'annyanukula.
2 Omponye, Ayi MUKAMA,
emimwa egy'obulimba,
n'olulimi olw'obukuusa.

3 Onooweebwa ki,
era onookolebwa otya, ggwe olulimi olukuusa?
4 Onoofumitibwa n'obusaale obwogi obw'omulwanyi omuzira,
n'oyokerwa ku manda ag'omuti entaseesa.

5 Ndabye ennaku, kubanga mbeera mu Meseki;
nsula mu weema za Kedali!
6 Ndudde nnyo
mu bantu abakyawa eddembe.
7 Nze njagala mirembe,
naye bwe njogera bo baagala ntalo.

# Zabbuli 121

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Nnyimusa amaaso gange eri ensozi,
okubeerwa kwange kuva wa?
2 Okubeerwa kwange kuva eri Mukama,
eyakola eggulu n'ensi.

3 Taliganya kigere kyo kusagaasagana;
oyo akukuuma taabongootenga.
4 Laba, oyo akuuma Isirayiri
taabongootenga so teyeebakenga.

5 Mukama ye mukuumi wo;
Mukama y'akusiikiriza ku mukono gwo ogwa ddyo;
6 emisana enjuba teekwokyenga,
wadde omwezi ekiro.

7 Mukama anaakukuumanga mu buli kabi;
anaalabiriranga obulamu bwo.
8 Mukama anaakukumanga amagenda go n'amadda,
okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.

# Zabbuli 122

Oluyimba nga balinnya amadaala. Lwa Dawudi.
1 Nasanyuka bwe baŋŋamba nti,
"Tugende mu nnyumba ya Mukama!"
2 Ebigere byaffe biyimiridde
mu miryango gyo, Ayi Yerusaalemi.

3 Yerusaalemi yazimbibwa okuba
ekibuga ekinywevu ekiyimiridde awamu.
4 Eyo ebika byonna gye biraga,
ebika bya Mukama,
okutendereza erinnya lya Mukama
ng'ebiragiro ebyaweebwa Isirayiri bwe biri.
5 Eyo entebe ez'okusalirako emisango gye zaateekebwa;
z'entebe ez'obwakabaka ez'ennyumba ya Dawudi.

6 Musabirenga Yerusaalemi emirembe:
"Abo abakwagala bafune ebirungi.
7 Emirembe gibeerenga munda w'ebisenge byo;
n'amayumba go amanene gabeerenga n'omukisa era nga manywevu."
8 Olwa baganda bange ne mikwano gyange
nnaayogeranga nti, "Emirembe gibeerenga mu ggwe."

9 Olw'obulungi bw'ennyumba ya MUKAMA Katonda waffe, nnaanoonyanga
okukulaakulana kwa Yerusaalemi.

# Zabbuli 123

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Nnyimusa amaaso gange gy'oli,
Ayi ggwe atuula ku ntebe ey'obwakabaka mu ggulu.
2 Amaaso g'abaddu nga bwe gatunuulira omukono gwa mukama waabwe;
n'amaaso g'omuweereza omukazi nga bwe gatunuulira omukono gwa
mugole we*,
n'amaaso gaffe bwe gatyo bwe gatunuulira MUKAMA Katonda waffe,
okutuusa lw'alitusaasira.

3 Tusaasire, Ayi MUKAMA, tusaasire,
kubanga tunyoomeddwa nnyo ddala.
4 Emitima gyaffe gijjudde ennaku olw'okuduulirwa abo abeeyagala,
n'okunyoomebwa ab'amalala.

# Zabbuli 124

Oluyimba nga balinnya amadaala. Lwa Dawudi.
1 Isirayiri agamba nti,
singa Katonda teyali ku ludda lwaffe,
2 singa Katonda teyali ku ludda lwaffe
abalabe baffe bwe baatulumba,
3 banditusaanyizzaawo mu kaseera buseera,
obusungu bwabwe bwe bwatubuubuukirako.
4 Amataba g'obusungu bwabwe ganditusaanyizzaawo,
ne mukoka n'atukulukutirako;
5 amazzi ag'obusungu bwabwe agayira
ganditukuluggusizza.

6 MUKAMA atenderezebwe
atatugabuddeeyo ne tutaagulwataagulwa amannyo gaabwe.
7 Tuwonye ng'ekinyonyi bwe kiva
ku mutego gw'abatezi;
omutego gukutuse,
naffe tuwonye!
8 Okubeerwa kwaffe kuli mu linnya lya MUKAMA,
eyakola eggulu n'ensi.

# Zabbuli 125

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Abeesiga MUKAMA bali ng'olusozi Sayuuni
olutayinza kusiguukululwa, naye olubeerawo emirembe gyonna.
2 Ensozi nga bwe zeetooloola Yerusaalemi,
ne MUKAMA bw'atyo bwe yeetooloola abantu be,
okuva kaakano n'okutuusa emirembe gyonna.

3 Kubanga abafuzi abakola ebibi tebalifugira

---

* **Zabbuli 123:2** MUKAMA w'omuddu ne mugole w'omuddu omukazi baakozesanga bubonero okubaako kye bategeeza abaddu baabwe

mu nsi y'abatuukirivu,
baleme okuwaliriza abatuukirivu
okukola ebibi.

4 Ayi MUKAMA, abalungi n'abo abalina omutima omulongoofu
bakolere ebirungi.
5 Naye abo abalaga mu makubo gaabwe amakyamu,
MUKAMA alibawaŋŋangusa wamu n'abakola ebitali bya butuukirivu.

Emirembe gibe ku Isirayiri.

# Zabbuli 126

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 MUKAMA bwe yakomyawo abawaŋŋanguse ba Sayuuni,
twafaanana ng'abaloota.
2 Olwo akamwa kaffe ne kajjula enseko,
ne nnimi zaffe ne ziyimba ennyimba ez'essanyu.
Amawanga ne gagamba nti,
"MUKAMA abakoledde ebikulu."
3 MUKAMA atukoledde ebikulu,
kyetuvudde tusanyuka.

4 Otuzze obuggya, Ayi MUKAMA,
tufaanane ng'emigga egikulukutira mu lusenyi.
5 Abo abasiga nga bakaaba amaziga,
baliyimba ennyimba ez'essanyu nga bakungula.
6 Oyo agenda ng'akaaba
ng'atwala ensigo okusiga;
alikomawo ng'ayimba ennyimba ez'essanyu
ng'aleeta ebinywa bye.

# Zabbuli 127

Oluyimba nga balinnya amadaala. Lwa Sulemaani.
1 MUKAMA bw'atazimba nnyumba,
abo abagizimba bazimbira bwereere.
MUKAMA bw'atakuuma kibuga,
abakuumi bateganira bwereere.
2 Oteganira bwereere bw'okeera mu makya n'okola,
ate n'olwawo n'okwebaka
ng'okolerera ekyokulya;
kubanga MUKAMA abaagalwa be abawa otulo.

3 Abaana aboobulenzi kya bugagga okuva eri MUKAMA;
era abaana mpeera gy'agaba okuva gy'ali.
4 Ng'obusaale bwe bubeera mu mukono gw'omulwanyi,
n'abaana abazaalibwa mu buvubuka bw'omuntu bwe bali bwe batyo.
5 Alina omukisa omuntu oyo
ajjuzza ensawo ye n'obusaale,
kubanga tebaliswazibwa;
balyolekera abalabe baabwe mu mulyango omunene.

# Zabbuli 128

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Balina omukisa abatya Katonda;
era abatambulira mu makubo ge.
2 Olirya ebibala ebiriva mu kutegana kwo;
oliweebwa emikisa era olifuna ebirungi.
3 Mu nnyumba yo,
mukyala wo aliba ng'omuzabbibu ogubala ennyo;
abaana bo aboobulenzi baliba ng'amatabi g'emizeeyituuni
nga beetoolodde emmeeza yo.
4 Bw'atyo bw'aweebwa emikisa
omuntu atya MUKAMA.

5 MUKAMA akuwenga omukisa ng'asinziira mu Sayuuni,
era olabe Yerusaalemi nga kijjudde ebirungi
ennaku zonna ez'obulamu bwo.
6 Owangaale olabe abaana b'abaana bo!

Emirembe gibeere mu Isirayiri.

# Zabbuli 129

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Isirayiri ayogere nti,
"Bambonyaabonyezza nnyo okuva mu buvubuka bwange."
2 Ddala bambonyaabonyezza nnyo okuva mu buvubuka bwange;
naye tebampangudde.
3 Newaakubadde ng'omugongo gwange gujjudde enkovu olw'embooko ze bankubye
era ne gulabika nga kwe bayisizza ekyuma ekirima,
4 kyokka MUKAMA mutuukirivu;
amenyeemenye enjegere z'abakola ebibi.

5 Abo bonna abakyawa Sayuuni bagobebwe
era bazzibweyo emabega nga baswadde.
6 Babeere ng'omuddo ogumera waggulu ku nnyumba*,
oguwotoka nga tegunnakula.
7 Omukunguzi tagufaako, n'oyo asiba ebinywa agunyooma.
8 Wadde abayitawo baleme kwogera nti,
"Omukisa gwa MUKAMA gube ku mmwe.
Tubasabidde omukisa mu linnya lya MUKAMA."

# Zabbuli 130

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Ayi MUKAMA, nkukaabira nga nsobeddwa nnyo.
2 Ayi Mukama, wulira eddoboozi lyange;
otege amatu go
eri eddoboozi ly'okwegayirira kwange.

---

* **Zabbuli 129:6** Obusolya bw'ennyumba z'omu Isirayiri zaalina ettaka waggulu ku zo eryali litabuddwamu evvu n'omusenyu. Enkuba bwe yatonnyanga, mwamerangamu omuddo, kyokka omuddo ogwo gwakalanga mangu ddala olw'omusana okugwakako kubanga emirandira gyagwo tegyagendanga wala wansi mu kasolya

3 Ayi MUKAMA, singa otubalira obutali butuukirivu bwaffe,
ani eyandiyimiridde mu maaso go?
4 Naye osonyiwa;
noolwekyo ossibwamu ekitiibwa.

5 Nnindirira MUKAMA, emmeeme yange erindirira
era essuubi lyange liri mu kigambo kye.
6 Emmeeme yange erindirira Mukama;
mmulindirira okusinga ng'abakuumi bwe balindirira obudde okukya;
okusingira ddala ng'abakuumi bwe balindirira obudde okukya.

7 Ayi Isirayiri, weesigenga MUKAMA,
kubanga MUKAMA y'alina okwagala okutaggwaawo;
era y'alina okununula okutuukiridde.
8 MUKAMA y'alinunula Isirayiri n'amuggya
mu byonoono bye byonna.

# Zabbuli 131

Oluyimba nga balinnya amadaala. Lwa Dawudi.
1 Ayi MUKAMA siri wa malala,
so n'amaaso gange tegeegulumiza.
Siruubirira bintu binsukiridde
newaakubadde ebintu eby'ekitalo ebinsinga.
2 Naye ŋŋonzezza emmeeme yange era ngisiriikirizza
ng'omwana bw'asiriikirira nga nnyina amuggye ku mabeere.
Omwana avudde ku mabeere nga bw'asiriikirira, n'emmeeme yange bw'eri bw'etyo.

3 Ayi Isirayiri, weesigenga MUKAMA
okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.

# Zabbuli 132

Oluyimba nga balinnya amadaala.
1 Ayi MUKAMA jjukira Dawudi
n'okubonaabona kwe yagumiikiriza kwonna.

2 Nga bwe yalayirira MUKAMA,
ne yeeyama eri Katonda Ayinzabyonna, Katonda wa Yakobo,
3 ng'agamba nti, "Siriyingira mu nnyumba yange,
wadde okulinnya ku kitanda kyange.
4 Sirikkiriza tulo kunkwata
newaakubadde okuzibiriza amaaso gange,
5 okutuusa lwe ndimala okufunira MUKAMA ekifo;
ekifo eky'okubeeramu ekya Katonda Ayinzabyonna, Katonda wa Yakobo."

6 Laba, twakiwulirako mu Efulasa,
ne tukizuula mu nnimiro ya Jaali.
7 Kale tugende mu kifo kye mw'abeera,
tumusinzirize awali entebe y'ebigere bye.
8 Golokoka, Ayi MUKAMA, ogende mu kifo kyo mw'owummulira;
ggwe n'Essanduuko yo ey'Endagaano, eraga obuyinza bwo.

9 Bakabona bo bambazibwe obutuukirivu,
n'abatukuvu bo bayimbe n'essanyu.

10 Ku lulwe Dawudi omuddu wo,
tomugaana oyo gwe wafukako amafuta.

11 MUKAMA Katonda yalayirira Dawudi
ekirayiro ekitaliggwaawo, era talikivaako.
Kubanga yamugamba nti, "Omu ku batabani bo
gwe ndituuza ku ntebe yo ey'obwakabaka.
12 Batabani bo bwe banaakuumanga Endagaano yange
n'ebiragiro byange bye nnaabayigirizanga,
ne batabani baabwe nabo banaatuulanga
ku ntebe yo ey'obwakabaka emirembe gyonna."

13 Kubanga MUKAMA yalonda Sayuuni,
nga kye yasiima okutuulangamu, n'agamba nti:
14 "Kino kye kifo mwe nnaawummuliranga emirembe gyonna;
omwo mwe nnaatuulanga nga ndi ku ntebe ey'obwakabaka kubanga
nkisiimye.
15 Nnaakiwanga omukisa ne nkiwa n'ebirungi,
era n'abaavu baamu nnaabakkusanga ebyokulya.
16 Bakabona baakyo, obulokozi bunaabanga kyambalo kyabwe;
n'abatukuvu baakyo banaayimbanga ennyimba ez'essanyu n'essanyu.

17 "Eyo gye ndyaliza batabani ba Dawudi obuyinza;
ne muteekerawo ettabaaza olw'oyo gwe nayiwako amafuta.
18 Abalabe be ndibajjuza ensonyi,
naye ye ndimwambaza engule ey'ekitiibwa ekingi."

# Zabbuli 133

Oluyimba nga balinnya amadaala. Lwa Dawudi.

1 Laba bwe kiri ekirungi era nga kisanyusa,
abooluganda okubeera awamu nga batabaganye.

2 Kiri ng'amafuta ag'omuwendo omungi agafukibwa ku mutwe gwa Alooni
ne gakulukutira mu kirevu;
gakulukutira mu kirevu kya Alooni,
ne gakka ku kitogi ky'ebyambalo bye.
3 Kiri ng'omusulo gw'oku lusozi Kerumooni,
ogugwa ne ku nsozi za Sayuuni;
kubanga eyo MUKAMA gy'agabira omukisa
n'obulamu emirembe gyonna.

# Zabbuli 134

Oluyimba nga balinnya amadaala.

1 Mulabe, mutendereze MUKAMA, mmwe mwenna abaddu ba MUKAMA,
abaweereza ekiro mu nnyumba ya MUKAMA.
2 Mugolole emikono gyammwe mu kifo ekitukuvu,
mutendereze MUKAMA.

3 MUKAMA eyakola eggulu n'ensi

akuwe omukisa ng'asinziira mu Sayuuni.

# Zabbuli 135

1 Mutendereze MUKAMA.

Mutendereze erinnya lya MUKAMA.
Mumutendereze mmwe abaddu ba MUKAMA;
2 mmwe abaweereza mu nnyumba ya MUKAMA,
mu mpya z'ennyumba ya Katonda waffe.

3 Mutendereze MUKAMA, kubanga MUKAMA mulungi;
mutendereze erinnya lye kubanga ekyo kisanyusa.
4 Kubanga MUKAMA yeerondera Yakobo okuba owuwe;
ye Isirayiri gwe yeeroboza okuba eky'omuwendo.

5 Mmanyi nga MUKAMA mukulu wa kitiibwa,
era nga Mukama oyo y'asinga bakatonda bonna.
6 MUKAMA kyonna ky'asiima ky'akola,
mu ggulu ne ku nsi;
mu nnyanja ne mu buziba bwayo.
7 Alagira ebire ne byekuluumulula okuva ku nkomerero y'ensi;
atonnyesa enkuba erimu okumyansa,
n'asumulula empewo okuva mu mawanika ge.

8 Ye yakuba ababereberye ab'e Misiri;
ababereberye b'abantu n'ebibereberye by'ebisolo.
9 Ye yaweereza obubonero n'ebyewuunyo wakati wo, ggwe Misiri,
eri Falaawo n'abaweereza be bonna.
10 Ye yakuba amawanga amangi,
n'atta bakabaka ab'amaanyi era be bano,
11 Sikoni kabaka w'Abamoli,
ne Ogi kabaka w'e Basani
ne bakabaka bonna ab'e Kanani.
12 Ensi yaabwe n'agiwaayo ng'obusika,
okuba obusika bw'abantu be Isirayiri.

13 Ayi MUKAMA, erinnya lyo lya lubeerera,
era n'obukulu bwo bumanyibwa emirembe gyonna.
14 Kubanga Katonda aliggyako abantu be omusango,
era alisaasira abaweereza be.
15 Abamawanga ebifaananyi byonna ebyole bye basinza,
ebyakolebwa n'emikono gy'abantu mu ffeeza ne zaabu,
16 birina emimwa, naye tebyogera;
birina amaaso, naye tebiraba;
17 birina amatu naye tebiwulira;
so ne mu kamwa kaabyo temuyitamu mukka.
18 Ababikola balibifaanana;
na buli abyesiga alibifaanana.

19 Ayi ennyumba ya Isirayiri mutendereze MUKAMA;
mmwe ennyumba ya Alooni mutendereze MUKAMA.
20 Mmwe ennyumba ya Leevi mutendereze MUKAMA;

mmwe abatya MUKAMA mutendereze MUKAMA.
21 MUKAMA ali mu Sayuuni yeebazibwe;
yeebazibwe oyo abeera mu Yerusaalemi.

Mutendereze MUKAMA.

# Zabbuli 136

1 Mwebaze MUKAMA kubanga mulungi,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
2 Mwebaze Katonda wa bakatonda bonna,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
3 Mwebaze Mukama w'abafuzi,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

4 Oyo yekka akola ebyamagero ebikulu,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
5 Oyo eyakola eggulu mu kutegeera kwe,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
6 Oyo eyabamba ensi ku mazzi,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
7 Oyo eyakola ebyaka ebinene,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
8 Enjuba yagikola okufuganga emisana,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
9 Omwezi n'emmunyeenye yabikola okufuganga ekiro,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

10 Oyo eyatta ababereberye b'Abamisiri,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
11 N'aggya Isirayiri mu Misiri,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
12 Yabaggyamu n'omukono gwe ogw'amaanyi gwe yagolola;
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

13 Oyo eyayawulamu amazzi g'Ennyanja Emyufu,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
14 N'ayisa abaana ba Isirayiri wakati waayo,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
15 Naye n'asaanyaawo Falaawo n'eggye lye mu Nnyanja Emyufu;
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

16 Oyo eyakulembera abantu be mu ddungu,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

17 Ye yafufuggaza bakabaka abaatiikirivu,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
18 N'atta bakabaka ab'amaanyi,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
19 Ye yatta ne Sikoni, kabaka w'Abamoli,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
20 Era ye yatta ne Ogi kabaka wa Basani,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

21 N'awaayo ensi yaabwe okuba obutaka,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
22 Okuba obutaka bwa Isirayiri omuddu we,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

23 Oyo eyatujjukira nga tuweddemu ensa,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
24 N'atuwonya abalabe baffe,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
25 Oyo awa abantu n'ebiramu byonna ekyokulya,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

26 Kale mwebaze Katonda w'eggulu,
kubanga okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

# Zabbuli 137

1 Twatuula ku mabbali g'emigga gy'e Babulooni,
ne tukaaba amaziga bwe twajjukira Sayuuni.
2 Ne tuwanika ennanga zaffe
ku miti egyali awo.
3 Abaatunyaga ne batulagira okuyimba,
abaatubonyaabonya ne batulagira okusanyuka;
nga bagamba nti, "Mutuyimbireyo lumu ku nnyimba za Sayuuni."

4 Tunaayimba tutya oluyimba lwa MUKAMA
mu nsi eteri yaffe?
5 Bwe nnaakwerabiranga, ggwe Yerusaalemi,
omukono gwange ogwa ddyo gukale!
6 Olulimi lwange lwesibire waggulu w'ekibuno kyange
singa nkwerabira,
ggwe Yerusaalemi, ne sikulowoozaako
okusinga ebintu ebirala byonna.

7 Jjukira, Ayi MUKAMA, batabani ba Edomu kye baakola,*
ku lunaku Yerusaalemi lwe kyawambibwa;
ne baleekaana nti, "Kisuule,
kimalirewo ddala n'emisingi gyakyo."
8 Ggwe omuwala wa Babulooni, agenda okuzikirizibwa,
yeesiimye oyo alikusasula ebyo
nga naawe bye watukola.
9 Yeesiimye oyo aliddira abaana bo
n'ababetentera† ku lwazi.

# Zabbuli 138

Zabbuli Ya Dawudi.
1 Nnaakutenderezanga Ayi MUKAMA, n'omutima gwange gwonna;

---

* **Zabbuli 137:7** Nebukadduneeza bwe yazikiriza Yerusaalemi, bazzukulu ba Edomu baasanyuka okulaba ng'abalabe baabwe Abayisirayiri bazikiridde. Kino kyali kibi nnyo kubanga Abayisirayiri ne bazzukulu ba Edomu baaluganda. Bazzukulu ba Edomu bava mu Esawu † **Zabbuli 137:9** Okukakasa nga tewaba n'omu ku b'omu kibuga ekiwambiddwa asigalawo, abaakiwambanga baabetentanga emitwe gy'abaana abato ab'omu kibuga ekyo ku lwazi

ne mu maaso ga bakatonda abalala nnaayimbanga okukutendereza.
2 Nvuunama nga njolekedde Yeekaalu yo Entukuvu,
ne ntendereza erinnya lyo
olw'okwagala kwo n'olw'obwesigwa bwo;
kubanga wagulumiza ekigambo kyo
n'erinnya lyo okusinga ebintu byonna.
3 Olunaku lwe nakukoowoolerako wannyanukula;
n'onnyongeramu amaanyi mu mwoyo gwange.

4 Bakabaka bonna ab'omu nsi banaakutenderezanga, Ayi MUKAMA,
nga bawulidde ebigambo ebiva mu kamwa ko.
5 Banaatenderezanga ebikolwa byo Ayi MUKAMA;
kubanga ekitiibwa kya MUKAMA kinene.

6 Newaakubadde nga MUKAMA asukkulumye,
naye afaayo eri abo abeetoowaza; naye abeegulumiza ababeera wala.
7 Newaakubadde nga neetooloddwa ebizibu,
naye ggwe okuuma obulamu bwange;
ogolola omukono gwo eri abalabe bange abakambwe,
era omukono gwo ogwa ddyo ne gumponya.
8 MUKAMA alituukiriza ebyo by'anteekeddeteekedde;
kubanga okwagala kwo, Ayi MUKAMA, kubeerera emirembe gyonna.
Tolekulira ebyo bye watonda.

# Zabbuli 139

Ya Mukulu wa Bayimbi. Zabbuli ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA, okebedde omutima gwange,
n'otegeera byonna ebiri munda yange.
2 Bwe ntuula omanya, ne bwe ngolokoka omanya;
era otegeera byonna bye ndowooza, ne bwe mbeera ewala ennyo.
3 Otegeera okutambula kwange kwonna n'okuwummula kwange.
Omanyi amakubo gange gonna.
4 Ekigambo kye nnaayogera, Ayi MUKAMA,
okimanya nga sinnaba na kukyogera.
5 Ondi mu maaso n'emabega,
era ontaddeko omukono gwo.
6 Okumanya okw'engeri eyo kunsukkiridde,
era nkwewuunya nnyo, kunnema okutegeera.

7 Nnaagenda wa Omwoyo wo gy'atali?
Oba nnaagenda wa ggwe gy'otoli?
8 Bwe nnaalinya mu ggulu, nga gy'oli;
bwe nnakka emagombe, nayo nga gy'oli.
9 Bwe nneebagala empewo ez'oku makya ne zintwala
ne mbeera mu bitundu by'ennyanja ebisinga okuba ewala;
10 era n'eyo omukono gwo gunannuŋŋamya,
omukono gwo ogwa ddyo gunannywezanga.
11 Bwe nnaagamba nti, "Ekizikiza kimbuutikire,
n'obudde obw'emisana bwe ndimu bufuuke ekiro."
12 Naye era ekizikiza gy'oli tekiba kizikiza,
ekiro kyakaayakana ng'emisana;

kubanga gy'oli ekizikiza n'omusana bifaanana.

13 Ggwe watonda byonna ebiri munda mu nze;
ggwe wammumbira mu lubuto lwa mmange.
14 Nkutendereza, kubanga wankola mu ngeri ey'entiisa era ey'ekitalo;
emirimu gyo gya kyewuunyo;
era ekyo nkimanyidde ddala bulungi.
15 Wammanya nga ntondebwa,
bwe nakolerwa mu kyama;
bwe natondebwa mu buziba bw'ensi n'amagezi go amangi.
16 Wandaba nga si natondebwa.
Ennaku zange zonna ze wanteekerateekera
zawandiikibwa mu kitabo kyo.
17 By'ondowooleza nga bya muwendo munene, Ayi Katonda!
Omuwendo gwabyo munene!
18 Singa ngezaako okubibala
bisinga omusenyu obungi.
Ne bwe ngolokoka mu makya
oba okyandowoozaako.

19 Abakola ebibi batte, Ayi Katonda;
abasajja abassi b'abantu banveeko.
20 Abantu abo bakwogerako bibi;
bakwegulumiririzaako mu butategeera bwabwe.
21 Abakukyawa, Ayi MUKAMA, nange mbakyawa;
abo abakwegulumiririzaako bansunguwaza.
22 Mbakyayira ddala nnyo,
era mbayita balabe bange.
23 Nkebera, Ayi Katonda, otegeere omutima gwange.
Ngezesa omanye ebirowoozo byange.
24 Olabe obanga mu nze mulimu engeri yonna enkyamu;
era onkulembere mu kkubo erintuusa mu bulamu obutaggwaawo.

# Zabbuli 140

Ya mukulu w'okuyimba. Zabbuli ya Dawudi.
1 Omponye abakola ebibi, Ayi MUKAMA,
omponye abantu abakambwe;
2 abateesa mu mitima gyabwe okukola ebibi;
abanoonya entalo buli kiseera.
3 Ebigambo byabwe byogi ng'ennimi z'emisota;
ebiva mu kamwa kaabwe busagwa ng'obw'essalambwa.

4 Onkuume abakola ebibi baleme okunkwatako, Ayi MUKAMA;
omponye abantu abakambwe
abateesa okunkyamya.
5 Abantu ab'amalala banteze omutego;
banjuluzza ekitimba kyabwe;
ne bategā emitego mu kkubo lyange.

6 Nagamba MUKAMA nti, "Ggwe oli Katonda wange."
Wulira okwegayirira kwange, onsaasire, Ayi MUKAMA!
7 Ayi MUKAMA, MUKAMA wange, ggw'omponya n'amaanyi go,

ggwe engabo yange mu lutalo.
8 Ayi MUKAMA, abakola ebibi tobawa bye beetaaga,
era tokkiriza ntekateeka zaabwe kutuukirira;
baleme kuba na malala wadde okwenyumiriza.

9 Abanneetoolodde baleke enkwe zaabwe
zibeekyusizeeko baboneebone.
10 Amanda agaaka omuliro gabagwire;
basuulibwe mu muliro,
bakasukibwe mu bunnya obutakoma mwe bataliva emirembe gyonna.
11 Tokkiriza balimba kweyongera bungi;
abakambwe bayigganyizibwe bazikirire.

12 Mmanyi nga MUKAMA ayamba abo ababonaabona, y'ayamba abanaku
okuyisibwa mu bwenkanya.
13 Abatuukirivu banaakutenderezanga,
era w'oli we banaabeeranga.

# Zabbuli 141

Zabbuli Ya Dawudi.
1 Ayi MUKAMA nkukaabira; oyanguwe okujja gye ndi!
Owulire eddoboozi lyange, nga nkukoowoola.
2 Okusaba kwange kubeere ng'ebyakaloosa mu maaso go,
n'okugolola emikono gyange gy'oli kubeere nga ssaddaaka
ey'akawungeezi.

3 Onkuume, Ayi MUKAMA, nneme okwasamya akamwa kange,
era bwe njogera onkomeko.
4 Okyuse omutima gwange guleme kugoberera kibi,
n'okwemalira mu bikolwa ebibi;
nneme okwetaba n'abantu abakola ebitali bya butuukirivu,
wadde okulya ku mmere yaabwe.

5 Leka omuntu omutuukirivu ankube, kubanga anaaba ankwatiddwa
ekisa;
muleke annenye, ekyo kinaaba ng'amafuta amalungi agafukiddwa ku
mutwe gwange;
sijja kugagaana.
Naye nnaasabanga bulijjo nga sikkiriziganya na babi wadde n'ebikolwa
byabwe.
6 Abakola ebibi bwe baliweebwayo eri ab'okubasalira omusango,
olwo ne balyoka bayiga nti ebigambo byange bya mazima.
7 Balyogera nti, "Ng'omuntu bw'akabala n'akuba amavuunike,
n'amagumba gaffe bwe galisaasaanyizibwa bwe gatyo mu kamwa
k'emagombe."

8 Naye nze amaaso ngatadde ku ggwe, Ayi MUKAMA Katonda;
mu ggwe mwe neekwese, tondeka nga sirina anambeera!
9 Nkuuma omponye omutego gwe banteze,
n'ebitimba by'abo abakola ebitali bya butuukirivu.
10 Ebitimba bye banteze abakola ebibi abo bonna, baleke babigwemu,
kyokka nze mpone.

# Zabbuli 142

Okusaba kwa Dawudi bwe yali mu mpuku.
1 Nkaabirira MUKAMA n'eddoboozi ery'omwanguka;
neegayirira MUKAMA ansaasire.
2 Mmutegeeza byonna ebinneemulugunyisa,
ne mmwanjulira ebinteganya byonna.

3 Omwoyo gwange bwe gunnennyika,
gw'omanyi eky'okunkolera.
Banteze omutego mu kkubo lyange mwe mpita.
4 Bwe ntunula ku mukono gwange ogwa ddyo, sirabayo anambeera;
sirina wa kwekweka, era tewali n'omu anfaako.

5 Nkaabirira ggwe, Ayi MUKAMA,
nga ŋŋamba nti, "Ggwe kiddukiro kyange,
ggwe mugabo gwange mu nsi muno."

6 Owulire okukaaba kwange,
kubanga njeezebwa nnyo!
Mponya abanjigganya,
kubanga bansinza nnyo amaanyi.
7 Nziggya mu kkomera,
ndyoke nkwebaze nga ntendereza erinnya lyo.
Abatuukirivu balinneetooloola,
ng'onkoledde ebyekisa ekingi ebingi.

# Zabbuli 143

Zabbuli Ya Dawudi.
1 Wulira okusaba kwange, Ayi MUKAMA,
wulira okwegayirira kwange!
Ggwe omwesigwa
era omutuukirivu jjangu ombeere.
2 Tonsalira musango,
kubanga mu maaso go tewali n'omu atuukiridde.
3 Omulabe wange angoba n'ankwata n'ansuula wansi;
anteeka mu kizikiza ne nfaanana ng'abaafa edda.
4 Noolwekyo omwoyo gwange guweddemu endasi,
n'omutima gwange gwennyise.
5 Nzijukira ennaku ez'edda,
ne nfumiitiriza ku ebyo bye wakola byonna,
ne ndowooza ku mirimu gy'emikono gyo.
6 Ngolola emikono gyange gy'oli,
ne nkuyaayaanira ng'ettaka ekkalu bwe liyaayaanira enkuba.

7 Yanguwa okunziramu, Ayi MUKAMA,
kubanga omwoyo gwange guggwaamu amaanyi.
Tonkisa maaso go,
nneme okufaanana ng'abafu.
8 Obudde nga bukedde, nsaba ondage okwagala kwo okutaggwaawo;
kubanga ggwe gwe neesiga.
Njigiriza ekkubo lye nsaana okutambuliramu,
kubanga omwoyo gwange gwonna guli gy'oli.

9 Mponya, Ayi MUKAMA, abalabe bange,
kubanga ggwe kiddukiro kyange.
10 Njigiriza okukola by'oyagala,
kubanga ggwe Katonda wange!
Omwoyo wo omulungi ankulembere,
antambulize mu kkubo eddungi ery'omuseetwe.

11 Olw'erinnya lyo, Ayi MUKAMA, onkuume,
mu butuukirivu bwo onzigye mu kabi.
12 Omalewo abalabe bange olw'okwagala kwo,
ozikirize n'abanjigganya bonna,
kubanga nze ndi muddu wo.

# Zabbuli 144

Zabbuli ya Dawudi.
1 Atenderezebwe MUKAMA, olwazi lwange,
atendeka emikono gyange okulwana,
era ateekerateekera engalo zange olutalo.
2 MUKAMA anjagala ye Katonda wange era kye kiddukiro kyange,
ge maanyi gange amangi era ye mulokozi wange.
Ye ngabo yange mwe neekweka.
Awangula amawanga n'agassa wansi w'ebigere byange.

3 Ayi MUKAMA, omuntu kye ki ggwe okumufaako,
oba omwana w'omuntu, ggwe okumulowoozaako?
4 Omuntu ali nga mukka.
Ennaku ze ziri ng'ekisiikirize ekiyita obuyisi.

5 Yawula mu ggulu lyo, Ayi MUKAMA, okke!
Kwata ku nsozi zinyooke omukka!
6 Myansa abalabe basaasaane,
era lasa obusaale bwo obazikirize.
7 Ogolole omukono gwo ng'osinziira waggulu ennyo,
omponye,
onzigye mu mazzi amangi,
era onzigye mu mikono gya bannamawanga;
8 ab'emimwa egyogera eby'obulimba,
abalayira nti kya mazima, so nga bulimba bwereere.

9 Ayi MUKAMA, nnaakuyimbiranga oluyimba oluggya;
nnaakukubiranga ennanga ey'enkoba ekkumi,
10 ggwe awa bakabaka obuwanguzi;
amponya, nze omuddu wo Dawudi, ekitala ekyogi.

11 Ndokola, omponye onzigye
mu mukono gwa bannamawanga bano
ab'emimwa egyogera eby'obulimba,
era omukono gwabwe ogwa ddyo gwa bulimba.

12 Batabani baffe mu buvubuka bwabwe, Ayi MUKAMA,
babeere ng'ebisimbe ebikulidde ddala obulungi,
ne bawala baffe babe ng'empagi ennungi ez'oku nsonda

okuzimbirwa ennyumba ya kabaka mu lubiri.
13 Amawanika gaffe gajjule ebibala
ebya buli ngeri.
Endiga zaffe zizaale
enkumi n'obukumi zijjule amalundiro gaffe.
14 Ente zaffe ziwalule ebizito.
Ebisenge by'ekibuga bireme kumenyebwa.
Waleme kubaawo kukaaba
n'okwaziirana kwonna mu nguudo ez'omu bibuga byaffe.
15 Abantu abaweereddwa emikisa egyo beesiimye!
Balina omukisa abantu abo abalina Katonda waabwe nga ye MUKAMA.

# Zabbuli 145

Oluyimba lwa Dawudi olw'okutendereza.
1 Nnaakugulumizanga ggwe Katonda wange, era Kabaka wange;
era nnaatenderezanga erinnya lyo buli lunaku emirembe n'emirembe.
2 Nnaakutenderezanga buli lunaku;
era nnaasuutanga erinnya lyo emirembe n'emirembe.

3 MUKAMA mukulu, wa kitiibwa, era asaanira okutenderezebwanga ennyo,
n'obukulu bwe tebwogerekeka.
4 Buli mulembe gunaatenderanga gunnaagwo ebikolwa byo,
era gunaatendanga emirimu gyo egy'amaanyi.
5 Nnaatendanga obukulu n'obulungi bw'ekitiibwa kyo,
era nnaafumiitirizanga ku bikolwa byo ebyewuunyisa.
6 Abantu banaatendanga amaanyi g'ebikolwa byo eby'ekitalo,
nange nnaatendanga obukulu bwo obw'ekitiibwa.
7 Banaayogeranga ku bulungi bwo obw'ekitalo nga bajaguza;
era banaayimbanga olw'obutuukirivu bwo.

8 MUKAMA wa kisa, ajudde okusaasira,
alwawo okusunguwala era ajudde okwagala okutaggwaawo.

9 MUKAMA mulungi eri buli muntu,
era okusaasira kwe kubuna byonna bye yatonda.
10 Byonna bye watonda binaakutenderezanga, Ayi MUKAMA;
n'abatukuvu bo banaakugulumizanga.
11 Banaayogeranga ku kitiibwa ky'obwakabaka bwo,
era banaatendanga amaanyi go.
12 Balyoke bategeeze abantu bonna ebikolwa byo eby'amaanyi,
n'ekitiibwa ky'obukulu obw'obwakabaka bwo.
13 Obwakabaka bwo, bwakabaka bwa lubeerera,
n'obufuzi bwo bwa mirembe na mirembe.

MUKAMA by'ayogera byonna bya bwesigwa,
n'ebikolwa bye bijjudde okusaasira.
14 MUKAMA awanirira abo bonna abazitoowereddwa,
era ayimusa bonna abagwa.
15 Amaaso g'abantu bonna gatunuulira ggwe, Ayi MUKAMA,
era bonna gw'obawa ebyokulya mu biseera byabyo.
16 Oyanjuluza engalo zo,

ebiramu byonna n'obigabira bye byetaaga ne bikkuta.

17 MUKAMA mutuukirivu mu bikolwa bye byonna
era ayagala byonna bye yatonda.
18 MUKAMA abeera kumpi n'abo bonna abamukoowoola;
abo bonna abamukoowoola mu mazima.
19 Abo bonna abamussaamu ekitiibwa abawa bye baagala,
era awulira okukaaba kwabwe n'abawonya.
20 MUKAMA akuuma bonna abamwagala,
naye abakola ebibi alibazikiriza.

21 Akamwa kange kanaatenderezanga MUKAMA,
era na buli kitonde kinaatenderezanga erinnya lye ettukuvu
emirembe n'emirembe.

# Zabbuli 146

1 Tendereza MUKAMA!

Tendereza MUKAMA ggwe emmeeme yange!

2 Nnaatenderezanga MUKAMA ennaku zonna ez'obulamu bwange;
nnaayimbanga okutendereza Katonda wange nga nkyali mulamu.
3 Teweesiganga bafuzi,
wadde abantu obuntu omutali buyambi.
4 Kubanga bafa ne bakka emagombe;
ne ku lunaku olwo lwennyini, byonna bye baba bateeseteese ne bifa.
5 Yeesiimye oyo ayambibwa Katonda wa Yakobo;
ng'essuubi lye liri mu MUKAMA Katonda we,
6 eyakola eggulu n'ensi
n'ennyanja ne byonna ebirimu,
era omwesigwa emirembe gyonna.
7 Atereeza ensonga z'abajoogebwa mu bwenkanya,
n'abalumwa enjala abawa ebyokulya.
MUKAMA asumulula abasibe.
8 MUKAMA azibula amaaso ga bamuzibe,
era awanirira abazitoowereddwa.
MUKAMA ayagala abatuukirivu.
9 MUKAMA alabirira bannamawanga,
era ayamba bamulekwa ne bannamwandu;
naye ekkubo ly'abakola ebibi alifaafaaganya.

10 MUKAMA anaafuganga emirembe gyonna,
Katonda wo, Ayi Sayuuni, anaabanga Katonda wa buli mulembe.

Mutendereze MUKAMA!

# Zabbuli 147

1 Mutendereze MUKAMA!

Kubanga kirungi okutenderezanga Katonda waffe;
kubanga ajjudde ekisa, n'oluyimba olw'okumutenderezanga lumusaanira.

2 MUKAMA azimba Yerusaalemi;
era akuŋŋaanya Abayisirayiri abaali mu buwaŋŋanguse.
3 Azzaamu amaanyi abo abalina emitima egimenyese,
era ajjanjaba ebiwundu byabwe.
4 MUKAMA ategeka omuwendo gw'emmunyeenye;
era buli emu n'agituuma erinnya.
5 Mukama waffe mukulu era wa kitiibwa; amaanyi g'obuyinza bwe tegatendeka,
n'okutegeera kwe tekuliiko kkomo.
6 MUKAMA awanirira abawombeefu,
naye abakola ebibi abasuulira ddala wansi.

7 Muyimbire MUKAMA ennyimba ez'okumwebaza;
mumukubire entongooli ezivuga obulungi.

8 MUKAMA abikka eggulu n'ebire,
ensi agitonnyeseza enkuba,
n'ameza omuddo ne gukula ku nsozi.
9 Ente aziwa emmere, ne bannamuŋŋoona abato abakaaba abaliisa.

10 Essanyu lya MUKAMA teriri mu maanyi ga mbalaasi,
wadde mu magulu g'omuntu,
11 wabula MUKAMA asanyukira abo abamussaamu ekitiibwa,
era abalina essuubi mu kwagala kwe okutaggwaawo.

12 Tendereza MUKAMA ggwe Yerusaalemi,
tendereza Katonda wo ggwe Sayuuni,
13 kubanga ebisiba enzigi zo, ye abinyweza,
n'abantu bo abasulamu n'abawa omukisa.
14 Aleeta emirembe ku nsalo zo;
n'akukkusa eŋŋaano esinga obulungi.

15 Aweereza ekiragiro kye ku nsi;
ekigambo kye ne kibuna mangu.
16 Ayaliira omuzira ku ttaka ne gutukula ng'ebyoya by'endiga enjeru,
n'omusulo ogukutte n'agusaasaanya ng'evvu.
17 Omuzira agukanyuga ng'obuyinjayinja;
bw'aleeta obutiti ani ayinza okubusobola?
18 MUKAMA aweereza ekigambo kye, omuzira ne gusaanuuka;
n'akunsa empewo, amazzi ne gakulukuta.
19 Yategeeza Yakobo ekigambo kye;
Isirayiri n'amanya amateeka ga MUKAMA n'ebiragiro bye.
20 Tewali ggwanga na limu lye yali akolaganye nalyo bw'atyo;
amawanga amalala tegamanyi mateeka ge.

Mutendereze MUKAMA!

# Zabbuli 148

1 Mutendereze MUKAMA!

Mumutendereze nga musinziira mu ggulu,
mumutendererereze mu bifo ebiri waggulu.

2 Mumutendereze mmwe mwenna bamalayika be,
mumutendereze mmwe mwenna eggye lye ery'omu ggulu.
3 Mmwe enjuba n'omwezi mutendereze MUKAMA,
nammwe mwenna emmunyeenye ezaaka mumutendereze.
4 Tendereza MUKAMA ggwe eggulu eriri waggulu ennyo,
naawe amazzi agali waggulu w'eggulu.

5 Leka byonna bitendereze erinnya lya MUKAMA!
Kubanga ye yalagira, ne bitondebwa.
6 Yabinywereza ddala mu bifo byabyo ennaku zonna,
n'ateekawo etteeka eritaliggwaawo.

7 Mumutendereze nga musinziira ku nsi,
mmwe balukwata n'ebifo byonna eby'omu buziba bw'ennyanja,
8 mmwe okumyansa, n'omuzira ogw'amakerenda, n'omuzira ogukutte era n'olufu,
naawe kikuŋŋunta, mugondere ekiragiro kye,
9 mmwe agasozi n'obusozi,
emiti egy'ebibala n'emivule;
10 ensolo ez'omu nsiko era n'ente zonna,
ebyewalula n'ebinyonyi ebibuuka,
11 bakabaka b'ensi n'amawanga gonna,
abalangira n'abafuzi bonna ab'ensi,
12 abavubuka abalenzi n'abawala;
abantu abakulu n'abaana abato.

13 Bitendereze erinnya lya MUKAMA,
kubanga erinnya lye lyokka lye ligulumizibwa;
ekitiibwa kye kisinga byonna eby'omu nsi n'eby'omu ggulu.
14 Abantu be abawadde amaanyi,
era agulumizizza abatukuvu be,
be bantu be Isirayiri abakolagana naye.

Mutendereze MUKAMA.

# Zabbuli 149

1 Mutendereze MUKAMA!

Muyimbire MUKAMA oluyimba oluggya,
mumutenderereze wamu n'ekibiina ky'abatukuvu.

2 Isirayiri asanyukirenga eyamutonda;
n'abantu ba Sayuuni bajagulize Kabaka waabwe!
3 Batenderezenga erinnya lye nga bwe bazina,
bamutenderezenga nga bwe bakuba ennanga n'ebitaasa.
4 Kubanga MUKAMA asanyukira abantu be,
n'abawombeefu abawa engule ey'obulokozi.
5 Abatuukirivu bajagulizenga mu kitiibwa kino;
bayimbire ku bitanda byabwe olw'essanyu.

6 Batenderezenga Katonda waabwe,
bakwate ekitala eky'obwogi obubiri,

7 bawoolere eggwanga,
babonereze n’amawanga,
8 bateeke bakabaka baago mu njegere,
n’abakungu baago babasibe amagulu n’ebyuma,
9 babasalire omusango ogwabawandiikirwa.
Kino kye kitiibwa ky’abatukuvu be bonna.

Mutendereze Mukama.

# Zabbuli 150

1 Mutendereze Mukama!

Mutendereze Katonda mu kifo kye ekitukuvu;
mumutenderereze ne mu ggulu lye ery’amaanyi.
2 Mumutendereze olw’ebikolwa bye ebiraga amaanyi ge;
mumutendereze olw’obukulu bwe obusukkiridde.
3 Mumutendereze n’eddoboozi ery’ekkondeere,
mumutendereze n’ennanga ey’enkoba n’endere.
4 Mumutendereze n’ebitaasa n’amazina;
mumutendereze n’ebivuga eby’enkoba n’endere!
5 Mumutendereze nga mukuba ebitaasa;
mumutendereze n’ebitaasa ebivuga ennyo!

6 Buli ekissa omukka kitenderezenga Mukama!

Mutendereze Mukama.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Engero

1 Engero za Sulemaani, mutabani wa Dawudi, kabaka wa Isirayiri.
2 Yaziwandiika okuyigiriza abantu okuba n'amagezi n'okuyiga,
era n'okutegeera ebigambo eby'obulabufu; eby'obulamu eby'amagezi n'empisa.
3 Sulemaani yayagala abantu okuba n'empisa, n'obulamu obw'amagezi,
okukolanga ebituufu, n'okubeera abenkanya n'okugobereranga ensonga;
4 okuyigiriza amagezi abatalina bumanyirivu,
n'abavubuka okufuna okumanya n'okutegeera.
5 N'abantu ab'amagezi nabo bwe bawulira beeyongere okuyiga
n'abategeevu beeyongere okubangulwa.
6 Era engero zino zaawandiikibwa okutegeera engero,
enjogera n'ebikokyo.

7 Kale mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera,
naye abasirusiru banyooma amagezi n'okulagirirwa.

### *Amagezi eri Abavubuka*

8 Mwana wange ossangayo omwoyo eri ebiragiro bya kitaawo,
era tolekanga kukuutira kwa maama wo;
9 bijja kuba ngule eneeweesanga omutwe gwo ekitiibwa,
n'emikuufu mu bulago bwo.

10 Mwana wange abakozi b'ebibi bwe bakusendasendanga,
tokkirizanga.
11 Bwe bakugambanga nti, "Tugende ffenna twesanyuse,
tunyage, tubbe n'okutta;
tokkirizanga;
12 ng'entaana bw'emira abantu, naffe tubamire tutyo nga bakyali balamu,
era nga balamba, ng'abagenda mu bunnya obuwanvu;
13 nga twefunira eby'obugagga bye tutakoleredde,
ne tujjuza amayumba gaffe obugagga obubbe;
14 ng'ababi batuyita tubeegatteko,
tugabane kyenkanyi ebibbe n'ebinyage."
15 Mwana wange totambuliranga wamu nabo,
era ekigere kyo kiziyize okukwatanga ekkubo lyabwe:
16 Kubanga ebigere byabwe bidduka bunnambiro okukola ebibi,
era kibanguyira okuyiwa omusaayi.
17 Nga kuba kumala biseera okutega omutego,
ng'ekinyonyi ky'oyagala okukwata kikulaba,
18 naye abantu ng'abo baba beetega bokka,
baba beetega omutego ogunaabakwasa bo bennyini.
19 Bwe lityo bwe libeera ekkubo lya buli muntu anoonya okugaggawalira mu bukyamu.
Obugagga obw'engeri eyo busaanyaawo obulamu bw'abo ababufuna.

### *Okulabula Eri Abanyooma Amagezi*

20 Amagezi galeekaanira waggulu mu nguudo;
gayimusa amaloboozi gaago, mu bifo ebigazi eby'omu bibuga.
21 Ne galeekaanira waggulu, mu kifo enguudo ennene we zisisinkanira,
era gasinzira mu miryango gy'ekibuga ne googera:

22 Mulituusa ddi mmwe ab'amagezi amatono obutayagala kweyongera kuyiga by'amagezi,
nammwe ab'amalala okunyoomanga eby'amagezi n'abasirusiru okukyawanga okumanya?
23 Kale singa muwuliriza okunenya kwange,
laba, ndifuka omutima gwange
n'ebirowoozo byange mu mmwe.
24 Kubanga na bayita ne mugaana okuwuliriza,
ne ngolola omukono ne wataba n'omu afaayo,
25 era ne mutafaayo ku magezi ge nabawa,
era ne mugaana okubuulirira kwange kwonna,
26 kale nange ndibasekerera nga muli mu nnaku,
era mbakudaalire ng'entiisa ebagwiridde.
27 Entiisa bw'eribajjira ng'omuyaga omungi,
ennaku n'okubonaabona, okulumwa n'obubalagaze,
28 kale balinkoowoola, naye siriyitaba;
balinnoonya obutaweera naye ne batandaba.
29 Kubanga baakyawa okuyigirizibwa, n'okumanya,
era ne bamalirira obutatya MUKAMA.
30 Ne bagaana okuwuliriza amagezi gange;
ne banyooma okunenya kwange kwonna.
31 Kyebaliva balya ebibala eby'ekkubo lyabwe ebbi,
era ne bajjula ebibala eby'enkwe zaabwe.
32 Obusirusiru bulitta ab'amagezi amatono
n'obutafaayo bulizikiriza abasirusiru,
33 naye buli ampuliriza anaabeeranga mirembe,
ng'agumye nga talina kutya kwonna.

# 2

### *Empeera y'Okunoonya Amagezi*

1 Mwana wange, bw'onookwatanga ebigambo byange,
n'otereka ebiragiro byange mu bulamu bwo,
2 era n'ossaayo omwoyo eri amagezi,
era n'ossa omutima gwo eri okutegeera,
3 ddala ddala singa oyaayaanira okumanya
era n'oyimusa eddoboozi lyo osabe okutegeera,
4 bw'onooganoonyanga nga ffeeza,
era n'oganoonyanga ng'ekyobugagga ekyakwekebwa,
5 awo w'olitegeerera okutya MUKAMA,
era n'ovumbula okumanya Katonda.
6 Kubanga MUKAMA awa amagezi;
era mu kamwa ke muvaamu okumanya n'okutegeera.
7 MUKAMA aterekera abatuukirivu amagezi amalungi,
era aba ngabo y'abo abatambulira mu bugolokofu.

8 Abatambuliza mu makubo ag'obwenkanya,
era bw'atyo MUKAMA akuuma ekkubo ly'abatukuvu be.

9 Olwo lw'olitegeera obutuukirivu, amazima n'obwenkanya;
weewaawo buli kkubo eddungi.
10 Kubanga amagezi galiyingira mu mutima gwo,
n'okumanya kulisanyusa omwoyo gwo.
11 Okwesalirawo obulungi kunaakulabiriranga
n'okutegeera kunaakukuumanga:

12 Amagezi ganaakuwonyanga ekkubo ly'omubi,
n'abantu aboogera eby'obugwagwa,
13 abaleka amakubo ag'obutuukirivu
ne batambulira mu makubo ag'ekizikiza,
14 abasanyukira okukola ebikolwa ebibi,
abanyumirwa eby'obusirusiru,
15 abantu abo be b'amakubo amakyamu,
era abakujjukujju mu ngeri zaabwe.

16 Amagezi MUKAMA g'awa ge gokka agajja okukuwonya ekkubo ly'omukazi omwenzi,
n'okukuwonya ebigambo bye ebisendasenda,
17 eyaleka bba ow'omu buvubuka bwe
era eyeerabira endagaano gye yakola mu maaso ga Katonda we.
18 Kubanga ennyumba ye ekka mu kufa,
n'amakubo ge galaga eri abafu.
19 Tewali n'omu agenda ewuwe adda
wadde okufunirayo amakubo g'obulamu.

20 Kale tambuliranga mu kkubo ly'abo abatya Katonda
era onywerere mu makubo g'abatuukirivu.
21 Kubanga abatuukirivu balituula mu nsi,
era abo abagolokofu baligisigalamu.
22 Naye abakozi b'ebibi balifiirwa ebirungi eby'ensi,
n'abatali beesigwa balizikirizibwa.

# 3

### *Emikisa Egiva mu kuba n'Amagezi*

1 Mwana wange, teweerabiranga bintu bye nakuyigiriza,
era okuumanga ebiragiro byange mu mutima gwo,
2 kubanga bijja kuwangaaza obulamu bwo ku nsi,
era bikukulaakulanye.

3 Amazima n'ekisa tobyerabiranga;
byesibe mu bulago bwo,
obiwandiike ku mutima gwo.
4 Bw'otyo bw'onoofuna okuganja n'okusiimibwa
eri Katonda n'eri abantu.

5 Weesige MUKAMA n'omutima gwo gwonna,
so teweesigamanga ku magezi go gokka.

6 MUKAMA mukulembezenga mu by'okola byonna,
naye anaakuluŋŋamyanga n'owangula.

7 Amagezi go tegakusigulanga,
naye otyanga MUKAMA, era weewale okukola ebibi.
8 Onoofunanga obulamu mu mubiri gwo
n'amagumba go ne gadda buggya.

*Amagezi n'Obugagga*

9 MUKAMA mugulumizenga n'eby'obugagga byo; n'ebibala ebisooka eby'ebintu byo byonna eby'omu nnimiro yo,
10 olwo amaterekero go lwe ganajjulanga ebintu enkumu,
era n'amasenero go ne gajjula ne gabooga omwenge omusu.

11 Mwana wange tonyoomanga kukangavvula kwa MUKAMA,
n'okunenya kwe kulemenga okukukooya,
12 kubanga MUKAMA anenya oyo gw'ayagala,
nga kitaawe w'omwana bw'anenya mutabani we gwe yeenyumiririzaamu.

13 Aweereddwa omukisa oyo afuna amagezi,
omuntu oyo afuna okutegeera,
14 kubanga amagezi gasinga ffeeza
era galimu amagoba okusinga zaabu.
15 Amagezi ga muwendo mungi okusinga amayinja ag'omuwendo omungi:
era tewali kyegombebwa kiyinza kugeraageranyizibwa nago.
16 Mu mukono gwago ogwa ddyo mwe muli obuwanguzi;
ne mu mukono gwago ogwa kkono ne mubaamu obugagga n'ekitiibwa.
17 Mu magezi mulimu essanyu,
era n'amakubo gaago ga mirembe.
18 Amagezi muti gwa bulamu eri abo abagakwata ne baganyweza;
abo abagakwata ne baganyweza baliweebwa omukisa.

19 Amagezi, MUKAMA ge yakozesa okuteekawo emisingi gy'ensi;
n'okutegeera kwe yakozesa okuteekawo eggulu;
20 n'okumanya kwe, kwe yakozesa okwawula obuziba bw'ennyanja,
era n'ebire ne bivaamu omusulo.

*Ab'amagezi Baweebwa Ekitiibwa*

21 Mwana wange, beeranga n'okuteesa okulungi n'okusalawo ebisaana,
ebyo biremenga okukuvaako,
22 binaabeeranga obulamu eri emmeeme yo,
era ekyokwambala ekirungi ekinaawoomesanga obulago bwo.
23 Bw'otyo bw'onootambulanga nga onyweredde mu kkubo lyo,
era ekigere kyo tekijjanga kwesittala.
24 Bw'onoogalamiranga toobenga na kutya,
weewaawo bw'oneebakanga otulo tunaakuwoomeranga.

25 Totyanga kabenje kootomanyiridde,
wadde okuzikirira okujjira abakozi b'ebibi,
26 Kubanga MUKAMA y'anaabeeranga obwesigwa bwo,
era anaalabiriranga ekigere kyo ne kitakwatibwa mu mutego.

27 Tommanga birungi abo be bisaanira
bwe kibeera mu buyinza bwo okukikola.
28 Togambanga muliraanwa wo nti,
“Genda, onodda enkya ne nkuwa,”
ate nga kye yeetaaga okirina.

29 Totegekanga kukola bulabe ku muliraanwa wo,
atudde emirembe ng’akwesiga.
30 Tovunaananga muntu n’omu awatali nsonga
nga talina kabi k’akukoze.

31 Tokwatirwanga obuggya omuntu ayigganya abalala,
era tokolanga nga ye bw’akola,
32 kubanga omuntu omugwagwa wa muzizo eri Mukama,
naye abo abagolokofu abalinamu obwesige.

33 Ekikolimo kya Mukama kiri ku nnyumba y’ababi,
naye awa omukisa ennyumba y’abatuukirivu.
34 Ddala ddala, Mukama anyooma abanyoomi,
naye abeetoowaza abawa ekisa.
35 Ab’amagezi balisikira ekitiibwa,
naye abasirusiru baliswazibwa.

# 4

*Amagezi ge gali ku Ntikko*

1 Muwulirize baana bange okuyigiriza kwange ng’okwa kitammwe,
era musseeyo omwoyo mufune okutegeera.
2 Kubanga mbawa okuyigiriza okulungi;
temulekanga biragiro byange.
3 Bwe nnali omuvubuka nga ndi ne kitange,
omwana omu yekka omwagalwa, owa mmange,
4 yanjigiriza n’aŋŋamba nti, “Ebigambo byange bikuumenga ku mutima gwo,
kuuma ebiragiro byange obeere mulamu.
5 Funa amagezi; funa okutegeera,
teweerabiranga era tovanga ku bigambo bya mu kamwa kange.
6 Togalekanga, nago ganaakukuumanga,
gaagale nago ganaakulabiriranga.
7 Ddala amagezi kye kintu ekisingira ddala obukulu;
noolwekyo fuba ofune amagezi, era fubira ddala nnyo ofune okutegeera.
8 Amagezi gagulumize, nago gajja kukuyimusa,
gaanirize, nago gajja kukuweesa ekitiibwa.
9 Amagezi gajja kukutikkira engule ey’ekisa,
era gakuwe n’engule ey’ekitiibwa.”

*Enjawulo wakati w’Ab’amagezi n’Abagwenyufu*

10 Wuliriza ggwe, mutabani, era okkirize ebigambo byange
olyoke owangaalire ku nsi n’essanyu eringi.
11 Nkuluŋŋamya mu kkubo ery’amagezi,
ne nkukulembera mu makubo ag’obutuukirivu.

12 Bw'onootambulanga, ekigere kyo kireme okuziyizibwa;
era bw'onoddukanga, tojjanga kwesittala.
13 Nywerezanga ddala okuyigirizibwa, tokutanga:
kukuumenga kubanga bwe bulamu bwo.
14 Toyingiranga mu kkubo ly'abakozi b'ebibi,
wadde okutambulira mu kkubo ly'abantu aboonoonyi.
15 Lyewalenga, tolitambulirangamu,
liveeko okwate ekkubo lyo.
16 Kubanga abakozi b'ebibi tebayinza kwebaka okuggyako nga bakoze ebibi,
era otulo tubabulira ddala bwe baba tebalina gwe bakozeeko bulabe.
17 Okukola ebibi y'emmere yaabwe,
n'okukozesa eryanyi kye kyokunywa kyabwe.

18 Ekkubo ly'abatuukirivu liri ng'enjuba eyakavaayo,
eyeeyongera okwaka okutuusa obudde lwe butangaalira ddala.
19 Naye ekkubo ly'ababi liri ng'ekizikiza ekikutte,
tebamanyi kibaleetera kwesittala.

20 Mutabani wange wuliriza n'obwegendereza ebigambo byange;
osseeyo omwoyo eri bye nkutegeeza;
21 ebigambo bino tebikuvangako,
bikuumire ddala mu mutima gwo,
22 kubanga bya bulamu eri abo ababifuna,
era biwonya omubiri gwabwe gwonna.
23 Ekisinga byonna kuuma omutima gwo,
kubanga y'ensulo y'obulamu bwo.
24 Weewalire ddala eby'obubambavu
era n'okwogera ebya swakaba.
25 Amaaso go gatunulenga butereevu,
era otunulenga n'obumalirivu eyo gy'olaga.
26 Ttereeza bulungi amakubo go;
okwate amakubo ageesigika gokka.
27 Tokyamanga ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono;
ebigere byo byewalenga ekkubo ekyamu.

# 5

*Okulabula ku Bwenzi*

1 Mutabani, ossangayo omwoyo eri ebiragiro byange,
era owulirizanga bulungi ebigambo byange eby'amagezi,
2 olyoke oyige okusalawo okw'amagezi,
era akamwa ko kavengamu eby'obutegevu.
3 Kubanga emimwa gy'omukazi omwenzi gitonnya omubisi gw'enjuki,
n'ebigambo bye biweweevu okusinga omuzigo;
4 naye enkomerero ya byonna, akaawa ng'omususa
era asala ng'ekitala eky'obwogi obubiri.
5 Ebigere bye bituuka mu kufa,
ebisinde bye biraga emagombe.
6 Tafaayo ku kkubo lya bulamu,
amakubo ge gaakyamakyama dda, naye nga takimanyi.

7 Kaakano, batabani bange mumpulirize,
temuvanga ku bigambo bya kamwa kange.
8 Mwewalenga omukazi oyo
era temusembereranga luggi lwa nnyumba ye;
9 si kulwa nga mufiirwa ekitiibwa kyammwe,
n'okumalira ebiseera byammwe ku oyo alina ettima,
10 ate si kulwa nga b'otolina ky'obamanyiiko bakwavuwaza,
n'amaanyi go n'ogamalira ku maka g'omulala.
11 Ku nkomerero y'obulamu bwo olisinda,
ennyama yo n'omubiri gwo nga biweddewo.
12 Oligamba nti, "Nga nakyawa okulabulwa,
n'omutima gwange ne gukyawa okunenyezebwa,
13 era ne sigondera ddoboozi ly'abasomesa bange,
wadde okussaayo omwoyo eri abo abampanga amagezi.
14 Ntuuse ku njegoyego z'okuzikirira
nga ndi wakati mu kuŋŋaaniro ly'ekibiina."

### *Obuvunaanyizibwa n'Essanyu mu Bufumbo*

15 Onoonywanga amazzi ag'omu kidiba kyo,
n'amazzi agava mu luzzi lwo goonoonywanga.
16 Ensulo zo zisaanye okukulukutira mu nguudo,
n'enzizi zo mu bifo ebigazi eby'omu kibuga?
17 Leka bibeere bibyo wekka,
bireme kugabanibwako b'otomanyiiko n'akamu.
18 Kale leka ensulo yo ebeere n'omukisa,
era osanyuke ne mukazi wo ow'omu buvubuka bwo.
19 Ng'ennangaazi eyeeyagaza n'empeewo esanyusa,
leka okusuuta kwe kukumalenga ennaku zonna era naye akwetoloozenga okwagala kwe.
20 Lwaki mwana wange osendebwasendebwa omukazi omwenzi,
n'ogwa mu kifuba ky'omukazi w'omusajja omulala?

21 Kubanga MUKAMA alaba amakubo g'omuntu gonna,
era n'akebera n'amakubo ge gonna.
22 Ebikolwa by'omukozi w'ebibi bimufuukira omutego,
era emiguwa gy'ebikolwa bye ebibi girimusibira ddala.
23 Alifa, kubanga yagaana okwekuuma,
era alizikirira olw'obusirusiru bwe obungi.

## 6

### *Okulabula ku Butamanya n'Obusirusiru*

1 Mutabani obanga weeyimirira muliraanwa wo,
ne weeyama okuyamba omuntu gw'otomanyi, oli mu katyabaga.
2 Obanga weesibye n'ebigambo ggwe kennyini bye wayogera,
ng'ebigambo by'omu kamwa ko bikusibye,
3 kino mwana wange ky'oba okola okusobola okwewonya,
kubanga kaakano oli mu buyinza bwa muliraanwa wo:
Yanguwa, ogende weetoowaze,
weegayirire muliraanwa wo.
4 Amaaso go togaganya kwebaka,
wadde ebikowe byo okubongoota.

5 Onunule obulamu bwo ng’empeewo bw’edduka okuva mu ngalo z’omuyizzi,
era ng’ekinyonyi, bwe kiva mu mutego gw’omutezi.

6 Yigira ku biwuka, mugayaavu ggwe;
fumiitiriza engeri gye bikolamu obiyigireko.
7 Tebirina mukulembeze,
mukungu oba mufuzi yenna abikulembera,
8 kyokka byekuŋŋaanyiza emmere mu biseera eby’amakungula,
ne bitereka emmere mu biseera ebituufu mu mwaka.

9 Olituusa ddi okwebaka mugayaavu ggwe?
Oligolokoka ddi n’ova mu tulo two?
10 Otulo otutonotono, n’okusumagira akatono,
n’okufunya emikono okuwummulako,
11 obwavu bulikutuukako ng’omutemu,
era n’obwetaavu ng’omutemu.

*Okulabula eri Omuntu Omutabuzitabuzi*
12 Omuntu ataliiko ky’agasa, omusajja omubi
agenda ayogera ebigambo ebitabulatabula,
13 agenda atemyatemya ku liiso,
nga bw’akuba ebigere
ate nga bw’asongasonga olunwe,
14 olw’omutima omukyamu, ateekateeka okukola ebibi,
bulijjo aleeta obutakkaanya mu bantu!
15 Noolwekyo okuzikirira kulimujjira mbagirawo,
mu kaseera buseera alibetentebwa awatali kuwona.

*Okulabula ku Bibi Omusanvu*
16 Waliwo ebintu mukaaga MUKAMA by’akyawa,
weewaawo musanvu eby’omuzizo gy’ali.
17 Amaaso ag’amalala,
emimwa egirimba,
okuttira abantu obwereere;
18 omutima ogutegeka okukola ebibi,
ebigere ebyanguwa okukola ebibi,
19 obujulizi obw’obulimba,
n’omuntu aleeta obutakkaanya mu booluganda.

*Okulabula Ku Bwenzi*
20 Mwana wange nyweza ebiragiro bya kitaawo,
era togayaalirira kuyigiriza kwa maama wo.
21 Bisibenga ku mutima gwo ennaku zonna
era obisibe binywerere mu bulago bwo.
22 Bijja kukuluŋŋamyanga buli gy’onoolaganga,
ne bw’onoobanga weebase binaakukuumanga,
ate ng’ozuukuse binaabanga naawe.
23 Kubanga amateeka ttabaaza,
era n’okuyigiriza kitangaala,
okukulabula olw’okukuluŋŋamya,
ly’ekkubo ery’obulamu,
24 okukuwonya omukazi ow’ebibi,

okukuggya mu kunyumiikiriza kw'omukazi omwenzi.
25 Teweegombanga bulungi bwe mu mutima gwo,
wadde okumukkiriza okukuwamba n'amaaso ge,
26 kubanga malaaya akussa ku muwendo ogugula omugaati,
era omukazi omwenzi anoonya kuzikiririza ddala bulamu bwo.
27 Omuntu ayinza okuwambaatira omuliro mu kifuba kye,
ebyambalo bye ne bitaggya?
28 Oba omuntu ayinza okutambulira ku manda agookya,
ebigere bye ne bitasiriira?
29 Bwe kityo bwe kiri eri omusajja agenda ne muka muliraanwa we,
buli akwata ku mukazi ng'oyo talirema kubonerezebwa olw'ekibi kye.

30 Abantu tebasekerera muntu bw'abba,
olw'okwewonya enjala.
31 Naye bwe bamukwata aba alina okuwa engassi ya mirundi musanvu;
ne bwe kiba nga kimumalako ebintu bye byonna eby'omu nju ye.
32 Naye buli ayenda ku mukazi talina magezi;
kubanga azikiririza ddala emmeeme ye ye.
33 Alifuna ebiwundu n'okunyoomebwa;
n'obuswavu tebulimusangulibwako.

34 Kubanga obuggya buleetera omusajja okuswakira,
era taliba na kisa n'akatono nga yeesasuza.
35 Talikkiriza mutango gwonna,
wadde okuwooyawooyezebwa enguzi ennene.

# 7

*Emitawaana Egiva mu Kukwana Omukazi Omwenzi*

1 Mutabani nyweeza ebigambo byange,
era okuumenga ebiragiro byange.
2 Kwata ebiragiro byange obeere mulamu,
n'amateeka gange ogakuume ng'emmunye y'eriiso lyo;
3 togalekanga kuva mu ngalo zo,
gawandiike ku mutima gwo.
4 Amagezi gatwalire ddala nga mwannyoko,
n'okutegeera, ng'owooluganda ow'omu kika kyo.
5 Binaakuwonyanga omukazi omwenzi,
omukazi omutambuze awaanawaana n'ebigambo ebisendasenda.

6 Lumu nnali nnyimiridde
ku ddirisa ly'ennyumba yange.
7 Ne ndaba mu bavubuka abatoototo,
omulenzi atalina magezi,
8 ng'ayita mu luguudo okumpi n'akafo k'omukazi omwenzi,
n'akwata ekkubo eridda ku nnyumba y'omukazi oyo,
9 olw'eggulo ng'obudde buzibye,
ekizikiza nga kikutte.

10 Awo omukazi n'ajja okumusisinkana
ng'ayambadde nga malaaya, ng'ajjudde ebirowoozo eby'obukaba mu mutima gwe.

11 Omukazi omukalukalu,
atambulatambula ennyo atabeerako waka,
12 wuuyo mu luguudo, wuuyo mu bifo ebikuŋŋaanirwamu,
mu buli kafo konna ng'ateega!
13 N'amuvumbagira, n'amunywegera
era ng'amutunuulidde nkaliriza n'amaaso agatatya n'amugamba nti:

14 "Nnina ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe,
leero ntukiriza obweyamo bwange.
15 Noolwekyo nzize okukusisinkana,
mbadde njagala nnyo okukulaba, era kaakano nkusanze.
16 Obuliri bwange mbwaze bulungi
n'engoye eza linena ava mu Misiri.
17 Mbukubye n'akaloosa,
n'omugavu, n'obubaane, ne kinamoni, ne kalifuuwa.
18 Jjangu tuwoomerwe omukwano okutuusa obudde okukya;
leka twesanyuse ffembi mu mukwano.
19 Kubanga baze taliiyo eka;
yatambula olugendo luwanvu:
20 Yagenda n'ensawo y'ensimbi;
era alikomawo nga wayiseewo wiiki bbiri."

21 Yamusendasenda n'ebigambo ebisikiriza;
n'amuwabya n'ebigambo ebiwoomerera.
22 Amangwago omuvubuka n'amugoberera
ng'ente etwalibwa okuttibwa
obanga empeewo egwa mu mutego,
23 okutuusa akasaale lwe kafumita ekibumba kyayo,
ng'akanyonyi bwe kanguwa okugwa mu mutego,
so tamanyi ng'alifiirwa obulamu bwe.

24 Kaakano nno batabani bange mumpulirize,
era musseeyo nnyo omwoyo eri ebigambo byange.
25 Temukkiriza mitima gyammwe kugoberera bigambo bye;
temukkiriza bigere byammwe kukyamira mu makubo ge.
26 Kubanga bangi bazikiridde,
ddala ab'amaanyi bangi bagudde.
27 Ennyumba ye, lye kkubo eridda emagombe,
nga likka mu bisenge eby'okufa.

# 8

*Amagezi Gakoowoola*

1 Amagezi tegakoowoolera waggulu,
n'okutegeera ne kuyimusa eddoboozi lyakwo?
2 Ku ntikko y'ebifo ebigulumivu okumpi n'ekkubo,
mu masaŋŋanzira, amagezi we gayimirira butengerera,
3 ku mabbali g'enzigi eziyingira mu kibuga,
ku miryango, gakoowoolera waggulu nga gagamba nti,
4 Mmwe abantu, mmwe b'empita;
nnyimusa eddoboozi lyange eri buli omu ali ku nsi.

5 Mmwe abatategeera mufune okutegeera;
nammwe abasirusiru mufune amagezi.
6 Muwulirize kubanga nnina ebintu ebikulu eby'okubagamba,
era mu kamwa kange muvaamu ebituufu.
7 Akamwa kange koogera bituufu byereere;
kubanga emimwa gyange gikyawa ebitali bya butuukirivu.
8 Ebigambo by'emimwa gyange byonna bya bwenkanya
tewali na kimu kikyamu oba kya bukuusa.
9 Ebigambo byange byonna bitegeerekeka eri oyo ategeera,
era tebirina kabi eri oyo alina amagezi.
10 Mu kifo kya ffeeza, londawo okuyigiriza kwange,
era n'okumanya mu kifo kya zaabu ennongoose obulungi,
11 kubanga amagezi gasinga amayinja ag'omuwendo omungi,
era n'ebyo byonna bye weegomba tebiyinza kugeraageranyizibwa nago.

12 Nze Magezi, mbeera wamu n'okuteesa okulungi,
era mu nze mulimu okumanya n'okwawula ekirungi n'ekibi.
13 Okutya MUKAMA kwe kukyawa ekibi;
nkyawa amalala n'okwemanya,
n'obuteeyisa bulungi n'enjogera ey'obubambaavu.
14 Okuteesa okulungi n'okusalawo okw'amagezi bye byange;
ntegeera era ndi wa buyinza.
15 Ku bwange, Magezi, bakabaka bafuga,
abafuzi ne bakola amateeka ag'obwenkanya.
16 Abalangira bafuga ku bwange,
n'abakungu bonna abafuga ku nsi.
17 Njagala abo abanjagala,
n'abo abanyiikira okunnoonya bandaba.
18 Obugagga n'ekitiibwa biri mu nze,
obugagga obutakoma n'okukulaakulana.
19 Ekibala kyange kisinga zaabu ennongoose,
n'ebinvaamu bisinga ffeeza ey'omuwendo omungi.
20 Ntambulira mu kkubo ery'obutuukirivu,
mu kkubo ery'obwenkanya,
21 n'abo abanjagala mbagaggawaza
era nzijuza amawanika gaabwe.

22 MUKAMA nze gwe yasooka okwoleka
nga tannabaako kirala ky'akola.
23 Nateekebwawo dda nnyo,
ku lubereberye ng'ensi tennabaawo.
24 Nateekebwawo ng'obuziba bw'ennyanja tebunnateekebwawo,
nga n'emigga egireeta amazzi teginnabaawo,
25 ng'ensozi tezinnateekebwa mu bifo byazo,
nga n'obusozi tebunnabaawo;
26 nga tannakola nsi newaakubadde amalundiro gaakwo,
wadde enfuufu eyasooka ey'oku nsi.
27 Naliwo ng'ateekawo eggulu mu kifo kyalyo,
ne bwe yakola enkulungo kungulu ku buziba,

28 ate ne bwe yawanika ebire n'abinywereza waggulu mu bbanga,
n'anywereza ddala ensulo z'amazzi,
29 bwe yawa ennyanja ensalo zaazo we zikoma,
amazzi galeme kusukka we yagalagira,
ne bwe yali ng'alamba emisingi gy'ensi.
30 Nnali naye ng'omukozi omukugu,
nga nzijudde essanyu lye erya buli lunaku,
nga nsanyukira mu maaso ge bulijjo,
31 nga nsanyukira mu nsi ye yonna,
era nga ne nesiima olw'abaana b'abantu.

32 Kale nno, batabani bange mumpulirize;
balina omukisa abo abakwata amakubo gange!
33 Muwulirizenga okuyigirizibwa, mubenga n'amagezi,
so temugalekanga.
34 Alina omukisa omuntu ampuliriza,
alindirira nga bw'akuuma ku nzigi zange
buli lunaku.
35 Kubanga buli andaba afuna obulamu,
era afuna okuganja eri MUKAMA.
36 Oyo atannoonya yeerumya yekka,
era n'abo bonna abankyawa banoonya kufa.

# 9

*Empagi z'Amagezi Omusanvu*

1 Amagezi gazimbye ennyumba yaago,
gagizimbidde ku mpagi musanvu.
2 Gategese ennyama yaago ne wayini* waago;
gategese ekijjulo.
3 Gatumye abawala abaweereza bakoowoolere
mu bifo ebigulumivu nti,
4 "Buli atalina kutegeera akyameko wano!"
Eri abo abatalina magezi gabagamba nti,
5 "Mujje mulye ku mmere yange
era munywe ne ku nvinnyo gwe ntabudde.
6 Mulekeraawo obutaba na kutegeera mubeere balamu,
era mutambulire mu kkubo ly'okumanya."

7 Oyo anenya omunyoomi ayolekera kuvumwa,
n'oyo abuulirira omukozi w'ebibi yeeretera kuvumibwa.
8 Tonenyanga munyoomi, aleme okukukyawa, naye
nenya ow'amagezi naye anaakwagalanga.
9 Yigirizanga ow'amagezi naye aneeyongeranga okuba n'amagezi,
yigirizanga omutuukirivu, aneeyongerangako okuyiga.

10 "Mu kutya MUKAMA amagezi mwe gasookera,
era n'okumanya oyo Omutukuvu Katonda, kwe kutegeera.
11 Ku lwange oliwangaala emyaka mingi nnyo,
era olyongerwako emyaka.

* **9:2** Wayini yatabulwangamu ebyakaloosa aka mooli, yeeyongere okuwoomerera.

12 Bw'obeera omugezi, amagezi go gakuyamba,
naye bw'onyooma amagezi weerumya wekka."

13 Omukazi omusirusiru aleekaana,
taba na mpisa era taba na magezi!
14 Era atuula mu mulyango gw'ennyumba ye,
ne ku ntebe mu bifo eby'ekibuga ebisinga obugulumivu,
15 ng'akoowoola abo abayitawo,
ababa batambula amakubo gaabwe abali ku byabwe.
16 Abagamba nti, "Buli alina okumanya okutono ajje muno."
Era eri oyo atalina kutegeera agamba nti,
17 "Amazzi amabbe nga gawooma!
emmere eriibwa mu kyama ng'ewooma!"
18 Naye oyo agwa mu kitimba kye tamanya nti nnyumba yakuzikirira,
era nti abagenyi be bali mu buziba obw'emagombe.

# 10

*Engero za Sulemaani*

1 Engero za Sulemaani:
Omwana ow'amagezi asanyusa kitaawe;
naye omwana omusirusiru anakuwaza nnyina.

2 Eby'obugagga ebifuniddwa mu makubo amakyamu tebirina kye bigasa,
naye abatuukirivu banunulwa okuva mu kufa.

3 MUKAMA taalekenga mutuukirivu we kufa njala,
naye aziyiza abakozi b'ebibi okufuna bye beetaaga.

4 Emikono emigayaavu gyavuwaza,
naye emikono eminyiikivu gireeta obugagga.

5 Omuvubuka ow'amagezi akungulira mu biseera ebituufu,
naye oyo eyeebakira mu biro eby'okukunguliramu mwana aswaza ennyo.

6 Omukisa gubeera ku mutwe gw'omutuukirivu,
naye akamwa k'omukozi w'ebibi kajjula obukambwe.

7 Omutuukirivu anajjukirwanga n'essanyu,
naye erinnya ly'omubi linaavundanga.

8 Alina omutima ogw'amagezi agondera ebiragiro,
naye omusirusiru ayogerayogera, azikirizibwa.

9 Atambulira mu bwesimbu y'atambula emirembe,
naye akwata amakubo amakyamu alitegeerebwa.

10 Oyo atta ku liiso ng'akweka amazima aleeta ennaku,
n'omusirusiru ayogerayogera alizikirizibwa.

11 Akamwa ak'omutuukirivu nsulo ya bulamu,

naye akamwa k'omukozi w'ebibi kajjula bulabe.

12 Obukyayi buleeta enjawukana,
naye okwagala kubikka ku bibi bingi.

13 Amagezi gasangibwa ku mimwa gy'oyo alina okutegeera,
naye omuggo gukangavvula oyo atamanyi kusalawo bulungi.

14 Abantu ab'amagezi batereka okumanya,
naye akamwa k'omusirusiru kaaniriza kuzikirira.

15 Obugagga bw'omugagga kye kibuga kye ekiriko ebigo,
naye obwavu kwe kuzikirira kw'omwavu.

16 Empeera y'omutuukirivu bulamu,
naye empeera y'omukozi w'ebibi emuleetera kubonerezebwa.

17 Oyo assaayo omwoyo eri okubuulirirwa aba mu kkubo ery'obulamu,
naye oyo atassaayo mwoyo ku kunenyezebwa aleetera abalala okuwaba.

18 Oyo akisa obukyayi alina emimwa egirimba,
era omuntu akonjera, musirusiru.

19 Mu bigambo ebingi temubula kwonoona,
naye akuuma olulimi lwe aba wa magezi.

20 Olulimi lw'omutuukirivu ffeeza ya muwendo,
naye omutima gw'omukozi w'ebibi gugasa katono.

21 Ebigambo by'omutuukirivu biriisa abantu bangi,
naye abasirusiru bazikirira olw'okubulwa amagezi.

22 Omukisa gwa Mukama guleeta obugagga
era tagwongerako buyinike.

### *Okuwangaala Okuli mu Kutya Mukama*

23 Omusirusiru asanyukira okukola ebibi,
naye omuntu alina okutegeera asanyukira eby'amagezi.

24 Omukozi w'ebibi ky'atayagala kirimutuukako,
naye abatuukirivu bye baagala biribaweebwa.

25 Embuyaga bw'ejja, abakozi b'ebibi batwalibwa,
naye abatuukirivu banywera emirembe gyonna.

26 Ng'omususa bwe gunyeenyeza amannyo, n'omukka nga bwe gubalagala mu maaso,
n'omugayaavu bw'abeera bw'atyo eri abamutuma.

27 Okutya Mukama kuwangaaza omuntu,

naye emyaka gy’ababi girisalibwako.

28 Essuubi ly’abatuukirivu livaamu ssanyu,
naye okusuubira kw’abakozi b’ebibi tekulivaamu kantu.

29 Ekkubo lya MUKAMA kye kiddukiro ky’abatuukirivu, naye abakozi b’ebibi libasaanyaawo.

30 Abatuukirivu tebajjululwenga ennaku zonna,
naye abakozi b’ebibi tebalisigala mu nsi.

31 Akamwa k’omutuukirivu koogera eby’amagezi,
naye olulimi olwogera eby’obubambavu lulisalibwamu.

32 Emimwa gy’omutuukirivu gyogera ebisaanidde;
naye emimwa gy’omukozi w’ebibi gyogera eby’obubambavu.

# 11

1 Minzaani eteri ya mazima ya muzizo eri MUKAMA,
naye ebipimo ebituufu bye bimusanyusa.

2 Amalala bwe gajja, ng’obuswavu butuuse,
naye obwetoowaze buleeta amagezi.

3 Obwesimbu bw’abatuukirivu bubaluŋŋamya,
naye enkwe z’abatali beesigwa zibazikirizisa.

4 Obugagga tebugasa ku lunaku olw’okusalirwako omusango,
naye obutuukirivu buwonya okufa.

5 Obutuukirivu bw’abalongoofu bubatambuliza mu kkubo eggolokofu
naye abakozi b’ebibi bagwa olw’ebikolwa byabwe ebibi.

6 Obutuukirivu bw’abagolokofu bubawonya,
naye abatali beesigwa bagwa mu mutego olw’okwegomba ebibi.

7 Omukozi w’ebibi bw’afa, essuubi lye libula,
ne byonna bye yasuubira mu maanyi bikoma.

8 Omutuukirivu aggyibwa mu mitawaana,
naye jjijjira omukozi w’ebibi.

9 Akamwa k’oyo atatya Katonda, kazikiriza muliraanwa,
naye olw’okumanya, abatuukirivu bawona.

10 Abatuukirivu bwe bakulaakulana ekibuga kijaguza;
abakozi b’ebibi bwe bazikirira wawulirwawo amaloboozi ag’essanyu.

11 Omukisa gw’abatuukirivu gukulaakulanya ekibuga:
naye olw’akamwa k’abakozi b’ebibi, ekibuga kizikirizibwa.

### *Abeesigwa n'Abatambuza Eŋŋambo*

12 Omuntu atalina magezi anyooma muliraanwa we,
naye omuntu ategeera akuuma olulimi lwe.

13 Aseetula olugambo atta obwesigwa,
naye omuntu omwesigwa akuuma ekyama.

14 Awatali kuluŋŋamizibwa eggwanga lidobonkana,
naye abawi b'amagezi abangi baleeta obuwanguzi.

15 Eyeeyimirira omuntu gw'atamanyiko alibonaabona,
naye oyo akyawa okweyimirira aliba bulungi.

16 Omukazi ow'ekisa aweebwa ekitiibwa,
naye abasajja ab'amawaggali bakoma ku bugagga bwokka.

17 Omusajja alina ekisa aganyulwa,
naye alina ettima yeereetako akabi.

18 Omukozi w'ebibi afuna empeera ey'obukuusa,
naye oyo asiga eby'obutuukirivu akungula empeera eya nnama ddala.

19 Omuntu omutuukirivu ddala alifuna obulamu,
naye oyo akola ebitali bya butuukirivu alifa.

20 MUKAMA akyawa abantu abalina emitima emikyamu,
naye ab'amakubo amagolokofu be bamusanyusa.

21 Mutegeerere ddala ng'abakozi b'ebibi tebalirema kubonerezebwa,
naye bazzukulu b'abatuukirivu tebalibaako musango.

22 Ng'empeta ya zaabu mu nnyindo y'embizzi,
bw'atyo bw'abeera omukazi omulungi atalaba njawulo wakati w'ekirungi n'ekibi.

23 Abatuukirivu bye beegomba bivaamu birungi byereere,
naye abakozi b'ebibi bye bakola bisunguwaza.

### *Omuntu Omugabi*

24 Omuntu agaba obuteerekereza, yeeyongera bweyongezi kugaggawala;
naye akwatirira kye yandigabye, yeeyongera kwavuwala.

25 Omuntu agaba anagaggawalanga,
n'oyo ayamba talibulako amuyamba.

26 Abantu bakolimira oyo akweka eŋŋaano mu kiseera eky'obwetaavu,
naye oyo agitunda mu kiseera ekyo afuna emikisa.

27 Oyo anyiikira okukola obulungi afuna okuganja,
naye oyo anoonya ekibi, kimujjira.

28 Oyo eyeesiga obugagga bwe aligwa,
naye abatuukirivu banaakulaakulananga ne baba ng'amalagala amalamu.

29 Omuntu aleeta emitawaana mu maka g'ewaabwe, alisikira mpewo;
era n'omusirusiru aliba muddu w'oyo alina omutima ogw'amagezi.

30 Ekibala ky'omutuukirivu muti gwa bulamu,
era n'oyo asikiriza emyoyo gy'abantu ne balokoka wa magezi.

31 Obanga omutuukirivu alifuna ekimusaanidde ku nsi kuno,
oyo atatya Katonda n'omwonoonyi balirema obutafuna ekibasaanidde?

# 12

1 Buli asanyukira okukangavvulwa ayagala amagezi;
naye oyo akyawa okunenyezebwa musirusiru.

2 Omuntu omulungi aganja mu maaso ga MUKAMA,
naye MUKAMA asalira omusango omuntu ow'enkwe.

3 Omuntu tanywezebwa lwa kukola bitali bya butuukirivu,
naye omulandira gw'omutuukirivu tegulisigulwa.

4 Omukyala ow'empisa ennungi ssanyu era ngule ya mwami we,
naye omukazi eyeeyisa obubi ali nga kookolo mu magumba ga bba.

5 Enteekateeka z'omutuukirivu ziba za mazima,
naye amagezi g'abakozi b'ebibi ge bawa gaba ga bulimba.

6 Ebiteeso by'abakozi b'ebibi kuyiwa musaayi,
naye ebigambo by'abatuukirivu bye bibawonya.

7 Abakozi b'ebibi bagwa ne basaanirawo ddala,
naye ennyumba y'omutuukirivu teesagaasaganenga emirembe gyonna.

8 Ebigambo by'omugezi bimuleetera okusiimibwa,
naye eby'omusirusiru bimunyoomesa.

9 Omuntu eyeetoowaza ne yeekolera,
asinga oyo eyeegulumiza n'abulwa ky'alya.

10 Omutuukirivu afaayo ku bisolo bye,
naye omukozi w'ebibi abiraga bukambwe bwereere.

11 Oyo eyeerimira aliba n'emmere nnyingi,
naye oyo anoonya ebitaliimu talina magezi.

12 Abakozi b'ebibi baagala okubba omunyago gwa babbi bannaabwe,
naye omulandira gw'abatuukirivu gunywera.

13 Ebigambo by'omukozi w'ebibi bimusuula mu mitawaana,
naye omutuukirivu awona akabi.

14 Omuntu ajjuzibwa ebirungi okuva mu bibala bye bigambo by'akamwa ke,
n'emirimu gy'emikono gye gimusasula bulungi.

15 Ekkubo ly'omusirusiru ddungi mu kulaba kwe ye,
naye omugezi assaayo omwoyo ku magezi agamuweebwa.

16 Omusirusiru alaga mangu obusungu bwe,
naye omutegeevu tassa mwoyo ku kivume.

17 Omujulizi ow'amazima awa obujulizi obutuufu,
naye omujulizi ow'obulimba ayogera bya bulimba.

18 Ebigambo ebyanguyirize bisala ng'ekitala ekyogi,
naye olulimi lw'omuntu omugezi luwonya.

19 Emimwa egyogera amazima gibeerera emirembe gyonna,
naye olulimi olulimba lwa kiseera buseera.

20 Obulimba buli mu mitima gyabo abategeka okukola ebibi,
naye essanyu liri n'abo abakolerera emirembe.

21 Tewali kabi konna kagwa ku batuukirivu,
naye abakozi b'ebibi tebaggwaako mitawaana.

22 MUKAMA akyawa emimwa egirimba,
naye asanyukira ab'amazima.

23 Omuntu omutegeevu talaga nnyo by'amanyi,
naye abasirusiru balaga obutamanya bwabwe.

24 Omukono gw'omunyiikivu gulimufuula omufuzi,
naye obugayaavu bufuula omuntu omuddu.

25 Omutima ogweraliikirira guleetera omuntu okwennyika,
naye ekigambo eky'ekisa kimusanyusa.

26 Omutuukirivu yeegendereza mu mikwano gye,
naye ekkubo ly'ababi libabuza.

27 Omuntu omugayaavu tayokya muyiggo gwe,
naye omunyiikivu kyayizze, kiba kya muwendo gyali.

28 Mu kkubo ery'obutuukirivu mulimu obulamu,
era mu kkubo eryo temuli kufa.

# 13

*Ensibuko y'Obugagga Obungi*

1 Omwana omugezi assaayo omwoyo eri ebiragiro bya kitaawe,
naye omunyoomi tafaayo ku kunenyezebwa.

2 Omuntu asanyuka olw’ebirungi ebiva mu bibala bya kamwa ke,
naye atali mwesigwa yeegomba kuleeta ntalo.

3 Oyo eyeegendereza by’ayogera akuuma obulamu bwe,
naye oyo amala googera, alizikirira.

4 Omuntu omugayaavu yeegomba kyokka n’atabaako ky’afuna,
naye omunyiikivu byayagala byonna abifuna.

5 Omuntu omutuukirivu akyawa obulimba,
naye omukozi w’ebibi yeereetera kunyoomebwa.

6 Obutuukirivu bukuuma omuntu omwesimbu,
naye okukola ebibi kuzikiriza omwonoonyi.

7 Omuntu omu ayinza okwefuula omugagga ate nga taliiko ky’alina,
ate omulala ne yeefuula okuba omwavu so nga mugagga nnyo.

8 Obugagga bw’omuntu buyinza okumununula,
naye omwavu talina ky’atya.

9 Ekitangaala ky’abatuukirivu kyaka nnyo,
naye ettaala y’abakozi b’ebibi ezikira.

10 Amalala gazaala buzaazi nnyombo,
naye amagezi gasangibwa mu abo abakkiriza okulabulwa.

11 Ensimbi enkumpanye ziggwaawo,
naye ezijja empolampola zeeyongera obungi.

12 Essuubi erirwawo okutuukirira lirwaza omutima,
naye ekyegombebwa bwe kituukirira kiba muti gwa bulamu.

13 Omuntu anyooma ebiragiro aligwa mu mitawaana,
naye oyo awuliriza ebimulagirwa aliweebwa empeera.

14 Okuyigiriza kw’omuntu alina amagezi nsulo ya bulamu,
era kuggya omuntu mu mitego gy’okufa.

15 Okutegeera okulungi kuleeta okuganja,
naye ekkubo ly’abateesigibwa liba zzibu.

16 Omuntu omwegendereza akola amaze kulowooza,
naye omusirusiru alaga obutamanya bwe.

17 Omubaka omubi yeesuula mu mitawaana,
naye omubaka omwesigwa aleeta kuwonyezebwa.

18 Anyooma okukangavvulwa yeereetako obwavu n'obuswavu,
naye oyo assaayo omwoyo ku kunenyezebwa aweebwa ekitiibwa.

19 Ekyegombebwa bwe kituukirira kisanyusa omutima,
naye okulekayo okukola ebibi kya muzizo eri abasirusiru.

20 Oyo atambula n'abantu abagezi ageziwala,
naye oyo atambula n'abasirusiru alaba ennaku.

21 Emitawaana gigoberera aboonoonyi,
naye okukulaakulana y'empeera y'abatuukirivu.

22 Omuntu omulungi alekera bazzukulu be ebyobusika,
naye obugagga bw'omwonoonyi buterekerwa omutuukirivu.

23 Ennimiro z'abaavu ziyinza okuvaamu emmere nnyingi,
naye obutali bwenkanya ne bugyera yonna.

24 Atakozesa kaggo akyawa omwana we,
naye oyo amwagala afaayo okumukangavvula.

25 Omutuukirivu alya emmere ye n'akkuta,
naye abakozi b'ebibi basigala nga bayala.

## 14

1 Omukazi ow'amagezi yeezimbira ennyumba ye,
naye omusirusiru eyiye agyemenyera n'emikono gye.

2 Omuntu atambulira mu bugolokofu atya Mukama,
naye ow'amakubo amakyamu anyooma Mukama.

3 Ebigambo by'omusirusiru bye bimuviirako okukubwa,
naye eby'abatuukirivu binaabakuumanga.

4 Awataba nte nnume ezirima ebyagi biba bikalu,
naye emmere ennyingi eva mu maanyi gaazo.

5 Omujulizi ow'amazima talimba,
naye ow'obulimba ayogera bya bulimba.

6 Omukudaazi anoonya amagezi n'atagalaba,
naye okumanya kwanguyira omuntu ategeera.

7 Teweeretereza muntu musirusiru,
kubanga tewali by'amagezi biva mu kamwa ke.

8 Omutegeevu mugezi kubanga afaayo okutegeera by'akola,
naye atalina magezi musirusiru kubanga yeerimba nti amanyi.

9 Abasirusiru banyooma okugololwa nga bakoze ensobi,
naye abalongoofu baagala emirembe.

10 Buli mutima gumanya okulumwa kwagwo,
tewali ayinza kugusanyukirako.

11 Ennyumba y'abakozi b'ebibi erizikirizibwa,
naye eweema y'abatuukirivu erikulaakulana.

12 Waliwo ekkubo erirabika nga ttuufu eri omuntu,
naye ng'enkomerero yaalyo kufa.

13 Enseko zandibaawo naye ng'omutima gujjudde ennaku,
era n'enkomerero y'essanyu eyinza okufuuka obuyinike.

14 Omuntu atalina kukkiriza alisasulwa empeera emusaanira olw'ebikolwa bye,
n'omuntu omulungi naye alisasulwa eyiye.

15 Ow'amagezi amatono amala gakkiriza buli kigambo ky'awulira,
naye omuntu omutegeevu yeegendereza amakubo ge.

16 Omuntu ow'amagezi atya MUKAMA n'aleka okukola ebibi,
naye omusirusiru yeepankapanka era teyeegendereza.

17 Omuntu asunguwala amangu akola eby'obusirusiru,
n'omukalabakalaba akyayibwa.

18 Abatalina magezi basikira butaliimu,
naye abategeevu batikkirwa engule ey'okumanya.

19 Abakozi b'ebibi balivuunamira abatuukirivu,
n'aboonoonyi ne bavuunama mu miryango gy'abatuukirivu.

*Omugagga n'Omwavu*

20 Omwavu alagajjalirwa abantu nga ne muliraanwa we omutwaliddemu,
naye abagagga baba n'emikwano mingi.

21 Anyooma muliraanwa we akola kibi,
naye alina omukisa oyo asaasira abaavu.

22 Abateekateeka okukola ebibi, tebawaba?
Naye okwagala n'amazima binaabeeranga n'abo abateesa okukola obulungi.

23 Buli mulimu ogukolebwa n'amaanyi gubaako amagoba,
naye okwogera obwogezi kireeta bwavu bwokka.

24 Abagezi bafuna engule ey'obugagga,
naye obusirusiru bw'abatalina magezi buzaala busirusiru.

25 Omujulizi ow'amazima awonya obulamu bw'abantu,
naye omujulizi ow'obulimba aba mulimba.

26 Atya MUKAMA alina ekiddukiro eky'amaanyi,
era n'abaana be balibeera n'obuddukiro.

27 Okutya MUKAMA ye nsulo y'obulamu,
kuleetera omuntu okwewala emitego gy'okufa.

28 Ekitiibwa kya kabaka kiri mu kuba n'abantu bangi,
naye omukulembeze ataba n'abantu abeera mu kabi.

29 Omuntu omugumiikiriza aba n'okutegeera kungi,
naye oyo asunguwala amangu ayolesa obusirusiru.

30 Omutima ogulina emirembe guwangaaza omuntu,
naye obuggya buvunza amagumba ge.

31 Omuntu atulugunya abaavu anyooma oyo eyabatonda,
naye buli abakwatirwa ekisa, agulumiza Katonda.

32 Akacwano bwe kajja, omukozi w'ebibi agwa,
naye omutuukirivu ne mu kufa aba n'obuddukiro.

33 Amagezi gabeera mu mutima gw'omuntu alina okutegeera,
era yeeyoleka ne mu basirusiru.

34 Obutuukirivu buzimba eggwanga,
naye ekibi kiswaza abantu ab'engeri zonna.

35 Kabaka asanyukira omuddu akola eby'amagezi,
naye obusungu bwa kabaka bunaabuubuukiranga ku oyo akola ebiswaza.

# 15

1 Okuddamu n'eggonjebwa kumalawo ekiruyi,
naye ekigambo eky'obukambwe kisaanuula obusungu.

2 Olulimi lw'omugezi lwogera by'amagezi,
naye akamwa k'abasirusiru kafukumula busirusiru bwereere.

3 Amaaso ga MUKAMA galaba buli wantu,
alaba abatuukirivu n'abakozi b'ebibi.

4 Olulimi oluzimba muti gwa bulamu,
naye olulimi olulimba lubetenta omutima.

5 Omusirusiru anyooma okubuulirirwa kwa kitaawe,
naye omutegeevu assaayo omwoyo eri okunenyezebwa.

6 Mu nnyumba y'omutuukirivu mubaamu obugagga bungi,
naye omukozi w'ebibi by'afuna, bimuleetera emitawaana.

7 Akamwa k'amagezi kabunyisa okumanya,

naye omutima gw’abasirusiru si bwe gukola.

8 Ssaddaaka y’aboonoonyi ya muzizo eri MUKAMA,
naye okusaba kw’abalongoofu lye ssanyu lye.

9 Ekkubo ly’omwonoonyi lya muzizo eri MUKAMA,
naye MUKAMA ayagala oyo anoonya obutuukirivu.

10 Oyo aleka ekkubo ettuufu alikangavvulwa n’amaanyi,
n’oyo akyawa okunenyezebwa alifa.

11 Okufa n’okuzikirira biri mu maaso ga MUKAMA,
n’okulaba alaba nnyo emitima gy’abaana b’abantu!

12 Omunyoomi tayagala kunenyezebwa,
era teeyeebuuza ku b’amagezi.

13 Omutima omusanyufu guleeta essanyu ku maaso,
naye omutima omunyiikaavu gunafuya emmeeme.

14 Omutima omutegeevu gunoonya okumanya,
naye akamwa k’abasirusiru kalya busirusiru.

15 Omuntu bw’aba omunyiikaavu, buli kimu kimwononekera,
naye omutima omusanyufu gujaguza buli kaseera.

16 Okuba n’akatono ng’otya MUKAMA,
kusinga okuba n’ebingi naye ng’oli mu mitawaana.

17 Okulya emmere ng’eriko enva endiirwa awali okwagalana,
kisinga okuliirako ebyassava awali obukyayi.

18 Omuntu asunguwala amangu asaanuula oluyombo,
naye omugumiikiriza akakkanya embeera.

19 Ekkubo ly’omugayaavu lijjula amaggwa,
naye ekkubo ly’omutuukirivu golokofu.

20 Omwana omugezi asanyusa kitaawe,
naye omuntu omusirusiru anyooma nnyina.

21 Obusirusiru ssanyu eri oyo atalina magezi,
naye omuntu ategeera atambulira mu kkubo eggolokofu.

22 Awatali kuluŋŋamizibwa entegeka zifa,
naye awali abawi b’amagezi abangi ziyitamu.

23 Okuddamu obulungi kisanyusa,
era kirungi ekigambo ekirungi okujjira mu kiseera ekituufu.

24 Ekkubo ery’obulamu liyimusa omugezi,

ne limuziyiza okukka emagombe.

25 MUKAMA azikiriza ennyumba y'ab'amalala,
kyokka akuuma ensalo za nnamwandu.

26 Enkwe za muzizo eri MUKAMA,
naye ebigambo ebisaanidde, bimusanyusa.

27 Oyo anoonya okugaggawalira mu bukyamu aleetera ennyumba ye emitawaana,
naye oyo akyawa enguzi aliba mulamu.

28 Omutima gw'omutuukirivu gufumiitiriza bye gunaayanukula,
naye akamwa k'omwonoonyi kafubutula ebitasaana.

29 MUKAMA ali wala n'aboonoonyi,
naye awulira okusaba kw'abatuukirivu.

30 Amaaso agajjudde essanyu gasanyusa omutima,
n'amawulire amalungi galeetera amagumba obulamu.

31 Oyo assaayo omwoyo eri okunenyezebwa okuleeta obulamu,
alituula wamu n'abagezi.

32 Agayaalirira okubuulirirwa yeerumya yekka,
naye oyo assaayo omwoyo eri okunenyezebwa afuna okutegeera.

33 Okutya MUKAMA kuyigiriza omuntu amagezi,
n'obwetoowaze kye kitiibwa ky'omuntu oyo.

# 16

### *MUKAMA Agera Ekkubo ly'Omuntu*

1 Omuntu ateekateeka by'ayagala okukola mu mutima gwe,
Naye okuddamu kuva eri MUKAMA.

2 Amakubo g'omuntu gonna gaba matuufu mu maaso ge ye,
naye MUKAMA y'apima ebigendererwa.

3 Emirimu gyo gyonna gikwasenga MUKAMA,
naye anaatuukirizanga entegeka zo.

4 MUKAMA buli kimu akikola ng'alina ekigendererwa,
n'abakozi b'ebibi y'abakolera olunaku lwe batuukibwako ebizibu.

5 Buli muntu alina omutima ogw'amalala wa muzizo eri MUKAMA;
weewaawo talirema kubonerezebwa.

6 Olw'okwagala n'olw'obwesigwa, ekibi kisasulibwa,
n'okutya MUKAMA kuleetera omuntu okwewala okukola ebibi.

7 Amakubo g'omuntu bwe gaba gasanyusa MUKAMA,

aleetera abalabe b'omuntu oyo okubeera naye mu mirembe.

8 Akatono akafune mu butuukirivu,
kasinga obugagga obungi obufune mu bukyamu.

9 Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye,
naye MUKAMA y'aluŋŋamya bw'anaatambula.

10 Kabaka ky'ayogera kiba ng'ekiva eri Katonda,
n'akamwa ke tekasaanye kwogera bitali bya bwenkanya.

11 Ebipimo ne minzaani ebituufu bya MUKAMA,
ebipimo byonna ebikozesebwa y'abikola.

12 Kya muzizo bakabaka okukola ebibi,
kubanga entebe ye ey'obwakabaka enywezebwa butuukirivu.

13 Akamwa akogera eby'amazima bakabaka ke basanyukira,
era baagala oyo ayogera amazima.

14 Obusungu bwa kabaka buli ng'ababaka abaleese okufa,
omusajja ow'amagezi alibukkakkanya.

15 Kabaka bw'asanyuka kireeta obulamu;
n'okuganza kwe, kuli nga ekire eky'enkuba* mu biseera ebya ttoggo.

16 Okufuna amagezi nga kusinga nnyo okufuna zaabu,
era n'okufuna okutegeera kikira ffeeza!

17 Ekkubo ly'abagolokofu kwe kwewala ebibi,
n'oyo eyeekuuma mu kutambula kwe, awonya emmeeme ye.

18 Amalala gakulembera okuzikirira,
n'omwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo.

19 Okubeera n'omwoyo ogwetoowaza era n'okubeera n'abaavu,
kisinga okugabana omunyago n'ab'amalala.

20 Oyo assaayo omwoyo ku kuyigirizibwa alikulaakulana,
era alina omukisa oyo eyeesiga MUKAMA.

21 Abalina emitima egy'amagezi baliyitibwa bategeevu,
n'enjogera ennungi eyongera okuyamba okutegeera.

22 Amagezi nsulo ya bulamu eri oyo agalina,
naye obusirusiru buleetera abasirusiru okubonerezebwa.

23 Omutima gw'omuntu ow'amagezi gumuwa enjogera ennungi,
era akamwa ke kayigiriza abalala.

* **16:15** Ekire ky'enkuba mu biseera ebya ttoggo etegeeza kujimuka, era kabonero ka kukulaakulana na ssanyu

24 Ebigambo ebirungi biri ng'ebisenge by'omubisi gw'enjuki,
biwoomera emmeeme, ne biwonya n'amagumba.

25 Wabaawo ekkubo erirabika ng'ettuufu eri omuntu,
naye ku nkomerero limutuusa mu kufa.

26 Okwagala okulya kuleetera omuntu okukola n'amaanyi,
kubanga enjala emukubiriza okweyongera okukola.

27 Omuntu omusirusiru ategeka okukola ebitali bya butuukirivu,
era n'ebigambo bye, biri ng'omuliro ogwokya ennyo.

28 Omuntu omubambaavu asiikuula entalo,
n'ow'olugambo ayawukanya ab'omukwano enfirabulago.

29 Omuntu omukyamu asendasenda muliraanwa we
n'amutwala mu kkubo eritali ttuufu.

30 Omuntu atemya ku liiso ateekateeka kwonoona,
n'oyo asongoza emimwa ategeka kukola bitali birungi.

31 Omutwe ogw'envi ngule ya kitiibwa,
gufunibwa abo abatambulira mu bulamu obutuukirivu.

32 Omuntu omugumiikiriza asinga omutabaazi,
n'oyo afuga obusungu bwe akira awamba ekibuga.

33 Akalulu kayinza okukubibwa,
naye okusalawo kwa byonna kuva eri Mukama.

# 17

1 Okulya akamere akaluma awali emirembe,
kisinga okuba mu nnyumba ejjudde ebyassava nga mulimu entalo.

2 Omuddu omugezi alifuga omwana wa bowo akwasa ensonyi,
era alifuna ebyobusika ng'omu ku baana b'awaka.

3 Entamu erongoosa yakolebwa lwa ffeeza, n'ekikoomi ky'okulongoosa lwa zaabu,
naye Mukama agezesa emitima.

4 Omubi assaayo omwoyo eri eby'obulimba,
era n'omulimba awuliriza olulimi olukuusa.

5 Oyo akudaalira omwavu avvoola eyamutonda,
n'oyo asanyukira obuyinike bw'abalala talirema kubonerezebwa.

6 Abazzukulu ngule ya bajjajjaabwe,
era n'abaana beenyumiririza mu bakadde baabwe.

7 Enjogerannungi teba ya musirusiru,
ng'oweekitiibwa bw'atasaana kwogera bya bulimba.

8 Enguzi eri ng'ejjinja ery'omufuusa mu maaso g'oyo agigaba,
alowooza nti buli gy'akyukira eneemuyamba.

9 Okwagala tekulondoola nsobi,
naye oyo atasonyiwa nsobi akyawaganya ab'omukwano enfirabulago.

10 Okunenya kuyamba nnyo omuntu ategeera,
okusinga okukuba omusirusiru embooko ekikumi.

11 Omukozi w'ebibi anoonya bujeemu bwereere,
era kyaliva asindikirwa omubaka omukambwe.

12 Okusisinkana eddubu enyagiddwako abaana baayo,
kisinga okusisinkana omusirusiru mu busirusiru bwe.

*Ebbeeyi y'Amagezi*

13 Omuntu bw'asasula ekibi olw'obulungi,
ekibi tekiriva mu nnyumba ye.

14 Okutandika oluyombo kuli ng'omuntu bw'asumulula omudumu gw'amazzi,
noolwekyo vvaawo ng'oluyombo terunnatandika.

15 Eyejjeereza omukozi w'ebibi n'oyo avumirira omutuukirivu,
bombi ba muzizo eri MUKAMA.

16 Omusirusiru agasibwa ki okuba ne ssente ezisasulibwa amagezi,
ng'ate ye talina mutima gwegomba magezi?

17 Omukwano ogw'amagezi guba gwa lubeerera,
era owooluganda yeesigibwa mu biro eby'ennaku.

18 Omuntu atalina magezi awa obweyamo
ne yeetema okusasula amabanja ga muliraanwa we.

19 Oyo ayagala ekibi anyumirwa ennyombo,
n'oyo akola omulyango omunene ogw'omu maaso gwa bbugwe ye nga guyitiridde obunene gulimuteganya nnyo.

20 Omuntu ow'omutima omubambaavu takulaakulana,
n'oyo ow'olulimi olulimba agwa mu katyabaga.

21 Omwana omusirusiru aleetera kitaawe obuyinike,
kitaawe w'omusirusiru taba na ssanyu.

22 Omutima ogw'essanyu ddagala ddungi,
naye omwoyo omunyiikaavu gukozza omubiri.

23 Omuntu omubi alya enguzi mu kyama,

alyoke aziyize amazima okweyoleka.

24 Omuntu omutegeevu, ebirowoozo abissa eri amagezi,
naye amaaso g'omusirusiru gasamaalirira ensi gy'ekoma.

25 Omwana omusirusiru buyinike eri kitaawe,
era aleeta ennaku eri nnyina eyamuzaala.

26 Si kirungi okuweesa omutuukirivu engassi ey'obwereere
wadde okukuba ab'ekitiibwa embooko olw'obwesimbu bwabwe.

27 Omuntu omwegendereza mu bigambo bye abeera n'okutegeera,
n'oyo alina omwoyo omuteefu aba muntu wa magezi.

28 Omusirusiru bw'asirika alowoozebwa okuba n'amugezi,
era aba mutegeevu bw'afuga akamwa ke.

# 18

*Ebigambo by'Abagezi n'Abasirusiru*

1 Eyeggya ku banne aba yeerowoozako yekka,
era tawuliriza magezi gamuweebwa.

2 Omusirusiru tasanyukira kutegeera,
ky'asanyukira kyokka kwe kwogera by'alowooza.

3 Okukola ekibi bwe kujja n'okunyooma kujjirako,
era awali okuyisaamu omuntu amaaso wabaawo okunyoomoola.

4 Ebigambo by'omu kamwa k'omuntu mazzi ga buziba,
naye ensulo ey'amagezi mugga ogukulukuta.

5 Si kirungi kuttira mubi ku liiso,
oba okusaliriza omutuukirivu.

6 Akamwa k'omusirusiru kamuleetera entalo
era akamwa ke kamuleetera okukubwa emiggo.

7 Akamwa k'omusirusiru ke kamuleetera okuzikirira,
era n'emimwa gye mutego eri emmeeme ye.

8 Ebigambo by'omuntu ageya biri ng'emmere ewoomerera,
bigenda mu bitundu by'omubiri eby'ewala.

9 Omuntu omugayaavu mu mirimu gy'akola,
waluganda n'oyo azikiriza.

10 Erinnya lya MUKAMA kigo ky'amaanyi,
omutuukirivu addukira omwo n'afuna emirembe.

11 Obugagga bw'omugagga, kye kibuga kye ekiriko bbugwe ow'amaanyi,
era mu kulaba kwe, kigo kye ekigumu ekitarinnyika.

12 Omuntu nga tannagwa, omutima gwe gwegulumiza, naye okwetoowaza kumuweesa ekitiibwa.

13 Oyo addamu amangu mu nsonga gy'ateetegerezza,
buba busirusiru bwe era buswavu.

14 Omwoyo gw'omuntu gumuwanirira mu bulwadde,
naye emmeeme eyennyise ani ayinza okugigumiikiriza?

15 Omutima gw'omwegendereza guyiga okumanya,
amatu g'omuntu omugezi gawuliriza.

16 Ekirabo ky'omuntu kimuseguliza,
era kimutuusa ne mu maaso g'abeekitiibwa.

17 Asooka okweyogerako y'afaanana ng'omutuufu,
okutuusa omulala lw'amubuuza ebibuuzo.

18 Okukuba akalulu kimalawo empaka,
era kisalawo eggoye wakati w'abawakana ab'amaanyi.

19 Kyangu okuwamba ekibuga ekiriko bbugwe ow'amaanyi, okusinga okukomyawo owooluganda anyiize,
era ennyombo ziba ng'empagi z'ekigo.

20 Omuntu anakkutanga ebigambo ebiva mu kamwa ke;
ebibala ebijjula akamwa ke bye binamukkusanga.

21 Olulimi lulina obuyinza okuwa obulamu oba okutta,
era n'abo abalwagala balirya ebibala byalwo.

22 Azuula omukazi omulungi ow'okuwasa aba azudde ekirungi,
era aganja eri MUKAMA.

23 Omwavu yeegayirira,
naye omugagga addamu na bbogo.

24 Akwana emikwano emingi yeereetera okuzikirira,
naye wabaawo ow'omukwano akwagala ennyo okusinga owooluganda.

# 19

1 Omuntu omwavu atambulira mu butuukirivu,
asinga akamwa ak'omusirusiru akaweebuula.

2 Si kirungi okuba omujjumbize naye nga tolina kumanya,
n'okwanguyiriza okukola ekintu kuleetera omuntu okukwata ekkubo ekyamu.

3 Obusirusiru bw'omuntu bwe bwonoona obulamu bwe,
kyokka omutima gwe ne gunenya MUKAMA.

4 Obugagga buleeta emikwano mingi,
naye emikwano gy'omwavu gimuddukako.

5 Omujulizi ow'obulimba talirema kubonerezebwa,
era oyo ayogera eby'obulimba taliba na buddukiro.

6 Bangi banoonya okuganja mu maaso g'omufuzi,
era buli muntu aba mukwano gw'oyo agaba ebirabo.

7 Baganda b'omwavu bonna bamwewala,
mikwano gye tebaasingewo nnyo okumwewala?

Wadde abagoberera ng'abeegayirira,
naye tabalaba.

8 Oyo afuna amagezi ayagala emmeeme ye,
n'oyo asanyukira okutegeera, akulaakulana.

9 Omujulizi ow'obulimba talirema kubonerezebwa,
n'oyo ayogera eby'obulimba alizikirira.

10 Omusirusiru tasaana kubeera mu bulamu bwa kwejalabya,
kale kiwulikika kitya ng'omuddu afuga abalangira?

11 Omuntu omutegeevu alwawo okusunguwala,
era kiba kya kitiibwa obutafa ku bye bamusobezza.

12 Obusungu bwa kabaka buli ng'okuwuluguma kw'empologoma,
naye ekisa kye kiri ng'omusulo ku ssubi.

13 Omwana omusirusiru aleetera kitaawe okuzikirira,
n'omukazi omuyombi ali ng'enkuba etonnya olutata.

14 Ennyumba n'obugagga bisikirwa okuva ku bazadde,
naye omukazi omutegeevu ava eri MUKAMA.

15 Obugayaavu buleeta otulo tungi,
n'omuntu atakola mirimu alirumwa enjala.

16 Oyo akwata ebiragiro akuuma obulamu bwe,
naye oyo eyeeyisa mu ngeri embi alifa.

17 Oyo akwatirwa omwavu ekisa awola MUKAMA,
era MUKAMA alimusasula olw'ekikolwa kye ekyo.

18 Kangavvulanga omwana wo kubanga mu ekyo mulimu essuubi,
oleme kumuwaayo mu kuzikirira.

19 Omuntu omukambwe ennyo alisasula ebiriva mu bukambwe bwe,
kubanga ne bw'omununula ogusooka era oteekwa okukiddiŋŋaana.

20 Ssangayo omwoyo ku magezi agakuweebwa ne ku kuyigirizibwa,
oluvannyuma lwa byonna oliba n'amagezi.

21 Enteekateeka z'omuntu ziba nnyingi mu mutima gwe;
byo ebigendererwa bya MUKAMA bituukirira.

22 Ekintu omuntu kye yeegomba kwe kwagala okutaggwaawo,
okuba omwavu kisinga okuba omulimba.

23 Okutya MUKAMA kutuusa mu bulamu;
olwo omuntu n'awummula nga mumativu nga tatuukiddwako kabi.

24 Omugayaavu annyika omukono gwe mu kibya,
n'atagukomyawo nate ku mumwa gwe.

25 Kangavvula omunyoomi, abatamanyi bayigire ku ye,
buulirira ategeera, ajja kweyongera okutegeera.

26 Omwana abba ebya kitaawe n'agobaganya ne nnyina,
aleeta obuswavu n'obuyinike.

27 Mwana wange konoolekayo okuyigirizibwa,
onoowaba okuva ku bigambo by'okumanya.

28 Omujulizi omulimba atyoboola ensala ey'amazima,
n'akamwa k'ababi, kavaabira ebitali bya butuukirivu.

29 Ebibonerezo bitekebwawo kukangavvula banyoomi,
n'embooko zaakolebwa lwa migongo gy'abasirusiru.

# 20

1 Omwenge mukudaazi, ekitamiiza muleekaanyi,
era buli alaga mu kkubo ekyamu olw'ebyo talina magezi.

2 Obusungu bwa kabaka buli ng'okuwuluguma kw'empologoma,
n'oyo amusunguwaza yeefiiriza bulamu bwe.

3 Kya kitiibwa omuntu okwewala entalo,
naye buli musirusiru ayagala okuyomba.

4 Omugayaavu talima mu budde butuufu,
kyanaavanga anoonya eby'amakungula nga talina kantu.

5 Ebigendererwa ebiba mu mutima gw'omuntu biba ng'amazzi ag'ebuziba,
naye omuntu alina okutegeera alibiggyayo.

6 Abantu bangi bagamba nti balina okwagala okutaggwaawo,
naye ani ayinza okuzuula omuntu omwesigwa?

7 Omuntu omutuukirivu, atambulira mu bulamu obutaliiko
kyakunenyezebwa;

ba mukisa abaana be abalimuddira mu bigere.

8 Kabaka bw'atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka ng'asala emisango,
amaaso ge gasunsulamu ne gaggyamu ebibi byonna.

9 Ani ayinza okugamba nti, "Ntukuzza omutima gwange,
ndi mulongoofu era sirina kibi?"

10 Ebipima obuzito ebitatuuka n'ebigera ebikyamu,
byombi bya muzizo eri MUKAMA.

11 Omuvubuka naye amanyibwa olw'ebikolwa bye,
obanga birongoofu era nga birungi.

12 Okutu okuwulira n'eriiso eriraba
byombi MUKAMA ye y'abikola.

13 Toyagalanga kwebaka oleme kwavuwala,
tunula, obeerenga n'ebyokulya bingi.

14 "Si kirungi, si kirungi," bw'ayogera agula;
naye bw'agenda n'alyoka yeenyumiririza mu ky'aguze.

15 Zaabu n'amayinja ag'omuwendo weebiri,
naye emimwa egyogera eby'amagezi kye ky'omuwendo ekisingako.

16 Omuntu bw'aleeta ekyambalo kye ne yeeyimiririra gw'atamanyi,
kitwalire ddala, na ddala bw'abanga yeeyimiririra omukazi omubambaavu.

17 Emmere enfune mu bukyamu ewooma mu kulya,
naye emufuukira amayinja mu kamwa.

18 Kola entegeka nga weebuuza ku magezi,
bw'oba onoolangirira olutalo sooka weebuuze.

19 Oyo agenda ng'asaasaanya olugambo abotola ebyama,
noolwekyo weewale omuntu ayogerayogera ennyo ebitaliimu.

20 Omuntu akolimira kitaawe oba nnyina,
ettabaaza ye erizikizibwa n'asigala mu kizikiza ekikutte ennyo.

21 Eby'obusika ebifune ng'ekiseera kyabyo tekinnatuuka,
ku nkomerero tebiba na mukisa.

22 Toyogera nti, "Nzija kukusasula olw'ekibi kino!"
Lindirira MUKAMA alikuyamba.

23 Ebipima ebikyamu bya muzizo eri MUKAMA,
ne minzaani ez'obulimba tezisanyusa.

24 Amakubo g'omuntu gategekebwa MUKAMA,

omuntu ayinza atya okutegeera ekkubo lya MUKAMA?

25 Kyambika eri omuntu okwanguyiriza okweyama eri MUKAMA,
naye oluvannyuma n'afumiitiriza ku bye yeeyamye.

26 Kabaka omugezi asengejja n'aggyamu abakozi b'ebibi,
n'ababonereza awatali kusaasira.

27 Ettabaaza ya MUKAMA ekebera omwoyo gw'omuntu,
n'enoonya mu bitundu eby'omunda ennyo.

28 Okwagala n'obwesigwa bikuuma kabaka mu butebenkevu,
era obufuzi bwe bunywezebwa na kwagala.

29 Amaanyi kye kitiibwa ky'abavubuka,
envi kye kitiibwa ky'abakadde.

30 Emiggo n'ebiwundu biggyawo ebibi,
n'embooko zitereeza ebifo eby'omunda ennyo.

# 21

1 Omutima gwa kabaka guli ng'amazzi agakulukutira mu mukono gwa MUKAMA,
era agukyusiza gy'ayagala yonna.

2 Buli kkubo lya muntu liba ng'ettuufu mu maaso ge,
naye MUKAMA apima omutima.

3 Okukola ebituufu n'eby'amazima
kisanyusa MUKAMA okusinga ssaddaaka.

4 Amaaso ageegulumiza, n'omutima ogw'amalala,
ye ttabaaza y'ababi, era ebyo kwonoona.

5 Enteekateeka z'omunyiikivu zivaamu magoba meereere,
naye okwanguyiriza okutalina nteekateeka kuvaamu bwavu.

6 Okufuna obugagga n'olulimi olulimba,
mpewo buwewo etwalibwa eruuyi n'eruuyi era mutego gwa kufa.

7 Obukambwe bw'ababi bulibamalawo,
kubanga bagaana okukola eby'ensonga.

8 Ekkubo ly'abazza emisango liba kyamu,
naye ery'abataliiko musango liba golokofu.

9 Okusula ku kasolya k'ennyumba,
kisinga okubeera mu nnyumba n'omukazi omuyombi.

10 Emmeeme y'omubi yeegomba okukola ebibi;

talaga muliraanwa we kisa n’akatono.

11 Omukudaazi bw’abonerezebwa, atalina magezi agafuna;
n’ow’amagezi bw’ayigirizibwa afuna okutegeera.

12 Katonda alaba ebifa mu nnyumba y’omubi,
era abakozi b’ebibi abazikkiririza ddala.

13 Oyo aziba amatu ge eri okulaajana kw’omwavu,
naye alikoowoola nga talina amwanukula.

14 Ekirabo ekigabire mu kyama kikakkanya obusungu obungi,
n’enguzi ebikiddwa mu munagiro eggyawo ekiruyi ekingi.

15 Ensonga bwe zisalibwa mu bwenkanya, lye ssanyu eri abatuukirivu,
naye kiba kyekango eri abakozi b’ebibi.

16 Omuntu awaba okuva mu kkubo ly’okutegeera,
agukira mu bafu.

17 Aganza eby’amasanyu anaabanga mwavu, n’oyo
ayagala omwenge n’amafuta taligaggawala.

18 Abakozi b’ebibi batuukibwako emitawaana egyandigudde ku balungi,
n’ekyandituuse ku b’amazima kituuka ku batali beesigwa.

19 Okubeera mu ddungu,
kisinga okubeera n’omukazi omuyombi anyiiganyiiga.

20 Mu nnyumba y’omutuukirivu mubaamu eby’obugagga eby’omuwendo,
naye omusirusiru ebibye byonna abyonoona.

21 Agoberera obutuukirivu n’ekisa,
alibeera n’obulamu obukulaakulana n’ekitiibwa.

22 Omuntu ow’amagezi alumba ekibuga eky’abazira nnamige,
era n’asesebbula enfo yaabwe gye beesiga.

23 Afuga akamwa ke n’olulimi lwe,
yeewoonya emitawaana.

24 “Mukudaazi,” lye linnya ly’ab’amalala abeeraga,
abeetwalira mu kwemanya okw’ekitalo mwe batambulira.

25 Okwetaaga kw’omugayaavu lwe luliba olumbe lwe,
kubanga emikono gye tegyagala kukola.

26 Olunaku lwonna aba yeegomba kweyongezaako,
naye omutuukirivu agaba awatali kwebalira.

27 Ssaddaaka y’omubi ya muzizo,

na ddala bw'agireeta ng'alina ekigendererwa ekitali kirungi.

28 Omujulizi ow'obulimba alizikirira,
naye ekigambo ky'oyo ayogera eby'amazima kiribeerera emirembe gyonna.

29 Omuntu omubi yeekazaakaza,
naye omuntu ow'amazima yeegendereza amakubo ge.

30 Tewali magezi, newaakubadde okutegeera, wadde ebiteeso
ebiyinza okulemesa MUKAMA.

31 Embalaasi etegekerwa olunaku olw'olutalo,
naye obuwanguzi buva eri MUKAMA.

# 22

*Omugaso gw'Erinnya Eddungi*

1 Erinnya eddungi lyagalibwa okusinga eby'obugagga ebingi,
n'okuganja kusinga ffeeza oba zaabu.

2 Abagagga n'abaavu balina kimu ekibagatta,
MUKAMA ye Mutonzi waabwe bonna.

3 Omuntu omutegeevu bw'alaba akabi yeekweka,
naye abatalina magezi bagenda bugenzi mu maaso ne balumizibwa.

4 Obugagga n'ekitiibwa n'obulamu
y'empeera ey'okwetoowazanga n'okutyanga MUKAMA.

5 Amaggwa n'emitego biri mu kkubo ly'omubambaavu;
naye oyo akuuma emmeeme ye anaabyewalanga.

6 Manyiiriza omwana mu kkubo erimugwanira okutambulirangamu,
ne bw'alikula talirivaamu.

7 Omugagga afuga abaavu,
naye eyeewola aba muddu w'oyo amuwola.

8 Asiga obutali butuukirivu akungula mitawaana,
n'oluga olw'obusungu bwe lulizikirizibwa.

9 Omuntu omugabi anaabanga n'omukisa,
kubanga emmere ye agirya n'abaavu.

10 Goba omunyoomi, entalo zinaagenda,
ennyombo n'okuvumagana binaakoma.

11 Omuntu eyeegomba omutima omulongoofu
era ayogera n'eggonjebwa, talirema kuganja ewa kabaka.

12 Amaaso ga MUKAMA galabirira amazima,

era adibya entegeka z'abatali beesigwa.

13 Omugayaavu ayogera nti, "Ebweru eriyo empologoma,"
oba nti, "Nnyinza okutemulirwa mu kkubo."

14 Malaaya mutego gwa kabi,
akolimiddwa MUKAMA mw'afiira.

15 Obusirusiru busibiddwa ku mutima gw'omwana omuto,
naye omuggo ogukangavvula gulimuwonyeza ddala.

16 Omuntu atulugunya abaavu ne yeeyongera okugaggawala,
n'oyo agabira omugagga awa abagagga enguzi, enkomerero ya bombi
bwavu.

17 Ossangayo omwoyo okuwuliriza ebigambo by'omugezi,
n'omutima gwo eri ebyo bye njigiriza.
18 Kibeera kya ssanyu bw'obikwata ku mutima gwo,
n'oba mwetegefu okubiddamu byonna.
19 Mbikumanyisa leero ggwe,
obwesige bwo bubeerenga mu MUKAMA.
20 Kale sikuwandiikidde ebintu amakumi asatu ebikuwabula
era ebikuwa okumanya?
21 Sikulaze ekirungi n'ekituufu,
olyoke obe n'eky'okuddamu eri oyo eyakutuma?

22 Tonyaganga mwavu, kubanga mwavu,
oba okutulugunyanga aleeteddwa mu mbuga.
23 Kubanga MUKAMA alibawolereza,
n'abo ababanyaga alibanyaga.

24 Tokwananga muntu wa busungu,
oba okuyitanga n'omuntu anyiiganyiiga amangu,
25 oleme okuyiga amakubo ge
ne weesuula mu mitawaana.

26 Teweegattanga ku abo abeeyama,
newaakubadde ku abo abeeyimirira ab'amabanja.
27 Bw'oliba nga tolina kya kusasula
ekitanda kyo kyennyini kye kirikuggyibwako.

28 Tojjululanga nsalo
bajjajjaabo gye bassaawo edda.

29 Omanyi omuntu omunyiikivu era omukugu mu mulimu gwe?
Aliweereza bakabaka; taliweereza bantu batamanyiddwa.

# 23

1 Bw'otuulanga okulya n'omufuzi,
weetegerezanga ebiri mu maaso go;
2 era weegendereze
bw'obanga omanyi ng'olulunkanira ebyokulya.

3 Tolulunkanira mmere ye ennungi,
kubanga erimbalimba.

4 Teweemalangako mirembe ng'oyaayaanira obugagga;
weefuge obeere mukkakkamu.
5 Eby'obugagga obikubako eriiso limu nga by'agenze dda,
kubanga ddala bimera ebiwaawaatiro
ne bibuuka mu bbanga ng'empungu.

6 Tolyanga mmere ya muntu mukodo,
wadde okwegomba ebirungi by'alya.
7 Kubanga ye muntu
abalirira ensimbi z'asaasaanyizza,
n'akugamba nti, "Weeriire, weenywere,"
naye ng'omutima gwe tegukusanyukira.
8 Akatono k'onooba olidde onookasesema,
ebigambo byo ebirungi eby'okwebaza bibe bya bwereere.

9 Totegana kubuulirira musirusiru,
kubanga ajja kunyooma ebigambo byo eby'amagezi.

10 Tojjululanga nsalo ey'edda,
so toyingiriranga nnimiro za bamulekwa,
11 kubanga abalwanirira w'amaanyi,
alikuggulako omusango.

12 Ossangayo omwoyo eri okuyigirizibwa,
n'amatu go eri ebigambo by'okutegeera.

13 Tolekangayo kukangavvula mwana,
bw'omubonereza n'akaggo tekimutta.
14 Mubonerezenga n'akaggo,
kiwonye emmeeme ye okufa.

15 Mwana wange, bw'oba n'omutima ogw'amagezi,
kinsanyusa.
16 Nnaajjaguzanga okuva ku ntobo y'omutima gwange,
bw'onooyogeranga ebituufu.

17 Omutima gwo gulemenga okukwatirwa aboonoonyi obuggya,
kyokka nyiikira okutya Mukama ebbanga lyonna.
18 Mazima ddala onoobanga n'essuubi mu biseera eby'omu maaso,
n'essuubi lyo eryo teririggwaawo.

19 Mwana wange wulirizanga, obeerenga n'amagezi,
okumenga omutima gwo mu kkubo ettuufu.
20 Teweegattanga ku abo abeekamirira omwenge,
n'abalulunkanira ennyama:
21 Kubanga omutamiivu n'omuluvu baavuwala,
n'okubongoota olutata kubambaza enziina.

22 Wulirizanga kitaawo eyakuzaala,
so togayanga nnyoko ng'akaddiye.
23 Gula amazima so togatunda,
ffuna amagezi, n'okuyigirizibwa n'okutegeera.
24 Kitaawe w'omutuukirivu alina essanyu lingi,
n'oyo azaala omwana ow'amagezi amwenyumiririzaamu.
25 Leka kitaawo ne nnyoko basanyuke,
omukazi eyakuzaala ajaguzenga.

26 Mwana wange mpa omutima gwo,
n'amaaso go geekalirize amakubo gange,
27 kubanga omukazi omwenzi lukonko luwanvu,
n'omukazi omubambaavu luzzi lufunda.
28 Ateega ng'omutemu,
n'ayongera ku muwendo gw'abasajja abatali beesigwa eri bakazi baabwe.

29 Ani alina obuyinike? Ani alina ennaku?
Ani alina ennyombo? Ani alina okwemulugunya?
Ani alina ebiwundu eby'obwereere? Ani amyuse amaaso?
30 Abo abatava ku mwenge,
nga bagenda baloza ku mwenge omutabule.
31 Totunuulira wayini ng'amyuse,
bw'atemaganira mu ggiraasi
ng'akka empolampola;
32 ku nkomerero aluma ng'omusota,
wa busagwa ng'essalambwa.
33 Amaaso go galiraba ebyewuunyo,
n'omutwe gwo ne gulowooza ebitategeerekeka.
34 Oliba ng'omuntu eyeebase wakati mu nnyanja,
obanga oyo alengejjera waggulu ku mulongooti.
35 Olyogera nti, "Bankubye, naye sirumiddwa.
Bankubye naye sirina kye mpuliddemu.
Nnaazuukuka ddi,
neeyongere okunywa?"

## 24

1 Teweegombanga bakozi ba bibi
era tobeesemberezanga.
2 Kubanga emitima gyabwe giteesa kukola bya butemu,
era akamwa kaabwe koogera ku kukola bya ffujjo.

3 Amagezi ge gazimba ennyumba,
n'okutegeera kwe kugiggumiza.
4 Olw'amagezi ebisenge by'ayo bijjula ebintu ebirungi,
eby'obugagga ebitalabikalabika eby'omuwendo omungi.

5 Omuntu ow'amagezi aba n'obuyinza,
n'omuntu alina okumanya yeeyongera amaanyi.
6 Kubanga okulwana olutalo weetaaga okuluŋŋamizibwa,
n'okuluwangula, weetaaga abawi b'amagezi bangi.

7 Amagezi gasukkirira nnyo omusirusiru,
talina ky’asobola kwogera mu lukuŋŋaana olw’oku wankaaki.

8 Oyo asala enkwe ez’okukola ebibi,
aliyitibwa mukujjukujju.
9 Entegeka ez’obusirusiru muvaamu kwonoona,
abantu beetamwa omukudaazi.

10 Bw’oyongobera mu kiseera eky’ebizibu,
olwo ng’olina amaanyi matono!
11 Odduukiriranga n’owonya abo abatwalibwa okuttibwa,
n’abo abali ku njegoyego z’okuttibwa, obawonye okuttirwa obwemage.
12 Bw’ogambanga nti, “Laba kino twali tetukimanyi,”
oyo akebera emitima aba talaba?
Oyo akuuma obulamu bwo takimanyi?
Talisasula buli muntu ng’omulimu gwe bwe guli?

13 Mwana wange olyanga omubisi gw’enjuki kubanga mulungi,
omubisi oguva mu bisenge byagwo guwoomerera.
14 Era manya nti amagezi gawoomera emmeeme yo,
bw’onoogafuna onoobeera n’essuubi mu bulamu obw’omu maaso,
n’essuubi lyo teririkoma.

15 Toteeganga, ng’omunyazi bw’akola ku nnyumba y’omutuukirivu,
tonyaganga maka ge.
16 Omuntu omutuukirivu ne bw’agwa emirundi omusanvu, addamu n’ayimuka,
naye abakozi b’ebibi basuulibwa mu mitawaana.

17 Tosanyukanga ng’omulabe wo agudde,
bwe yeesittalanga omutima gwo gulemenga okujaguza.
18 Si kulwa nga MUKAMA akiraba ne kitamusanyusa,
n’amusunguwalira.

19 Teweeraliikiriranga olw’abo abakola ebibi,
so abakozi b’ebibi tobakwatirwanga buggya.
20 Kubanga omuntu omubi talina ssuubi mu maaso,
ettabaaza y’abakozi b’ebibi erizikizibwa.

21 Mwana wange otyanga MUKAMA, ne kabaka,
era teweetabanga na bajeemu.
22 Kubanga obusungu bwabwe bulibuubuukira ku bajeemu
era ani amaanyi akabi akalibatuukako?

*Ebigambo Eby’amagezi*

23 Bino nabyo era bigambo by’abalina amagezi.
Okwekubiira ng’osala emisango si kirungi.
24 Kale oyo agamba azizza omusango nti, “Toliiko ky’ovunaanibwa,”
abantu banaamukolimiranga, n’amawanga ganaamwetamwanga.
25 Naye abo abasalira omusobya omusango ne gumusinga banaabanga n’essanyu,

n'omukisa omulungi gulibatuukako.

26 Eky'okuddamu eky'amazima,
kiri ng'okunywegerwa.

27 Malirizanga omulimu gwo ogw'ebweru,
oteeketeeke ennimiro zo,
n'oluvannyuma olyoke weezimbire ennyumba yo.

28 Towanga bujulizi bwa bulimba ku muliraanwa wo,
so akamwa ko tekalimbanga.
29 Toyogeranga nti, "Omuntu oyo ndimukola nga bw'ankoze,
era ndimusasuza nga bw'ampisizza."

30 Nayita ku nnimiro ey'omugayaavu,
ne mpita ne ku nnimiro y'emizabbibu ey'oyo atalina kutegeera.
31 Kale laba, ng'ennimiro eyo ebunye amaggwa,
wansi wonna nga wabikkiddwa omuddo,
n'olukomera lwayo olw'amayinja nga lugudde.
32 Ne neekaliriza ne ntegeera
ne nfuna ekyokuyiga mu bye nalaba.
33 Otulo otutonotono, n'okusumagira akatono,
n'okufunya emikono okuwummulako,
34 obwavu bulikutuukako ng'omutemu,
era n'obwetaavu ng'omutemu.

# 25

*Engero Endala Eza Sulemaani*

1 Zino nazo ngero za Sulemaani abasajja ba Keezeekiya kabaka wa Yuda
ze baakoppolola.
2 Okukisa ensonga kitiibwa kya Katonda,
naye okunoonyereza ensonga kitiibwa kya bakabaka.

3 Ng'eggulu bwe lyewanise waggulu ennyo n'ensi bw'ekka ennyo wansi,
bwe gityo n'emitima gya bakabaka bwe gitategeerekeka.

4 Effeeza giggyeemu ebisejja,
olyoke ofune omuweesi ky'anaakozesa.
5 Ggyawo abakozi b'ebibi mu maaso ga kabaka,
entebe ye ey'obwakabaka eryoke enywezebwe mu butuukirivu.

6 Teweekuzanga mu maaso ga kabaka,
wadde okwewa ekifo mu bantu ab'ekitiibwa.
7 Kubanga okukugamba nti, "Jjangu wano mu maaso,"
kisingako okukuswaza mu maaso g'ow'ekitiibwa.

8 Amaaso go bye galabye
tobyanguyirizanga kubireeta mu mbuga,
kubanga oluvannyuma onookola otya
munno bw'anaakuswaza?

9 Bw'owozanga ne muliraanwa wo,
tobikkulanga kyama kya muntu mulala,
10 akiwulira aleme okukuswaza;
n'onyoomebwa ebbanga lyonna.

11 Ekigambo ekyogere nga bwe kisaanidde,
kiba kya muwendo nnyo nga zaabu gwe batonye mu bintu bye bakoze mu ffeeza.

12 Ng'empeta ey'omu kutu eya zaabu, oba akakomo aka zaabu ennungi,
bw'atyo omuntu ow'amagezi anenya, bw'abeera eri okutu okuwuliriza.

13 Ng'obunnyogovu bw'omuzira bwe bubeera mu biseera eby'okukunguliramu,
bw'atyo bw'abeera omubaka omwesigwa eri abo abamutuma,
aweweeza emmeeme ya bakama be.

14 Ng'ebire n'empewo omutali nkuba,
omuntu asuubiza ebirabo by'atagaba bw'abeera.

*Muliraanwa n'Omulabe*

15 Okugumiikiriza okungi kuyinza okukkirizisa omufuzi,
n'olulimi olw'eggonjebwa lumenya eggumba.

16 Bw'ozuula omubisi gw'enjuki, lyako ogwo gwokka ogukumala,
si kulwa ng'ogukkuta nnyo n'ogusesema.
17 Tokyalanga lunye ewa muliraanwa wo,
si kulwa ng'akwetamwa n'akukyawa.

18 Omuntu awa obujulizi obw'obulimba ku muliraanwa we,
ali ng'embuukuuli, oba ekitala, oba akasaale akoogi.

19 Okwesiga omuntu ateesigika,
kiri ng'oli alina erinnyo eddwadde oba ekigere ekirema.

20 Ng'omuntu eyeeyambula engoye mu kiseera eky'obutiti,
era ng'omwenge omukaatuufu bwe guteekebwako oluvu,
bw'atyo bw'abeera ayimbira oyo ali mu buyinike.

21 Omulabe wo bw'aba alumwa enjala, muwe emmere alye,
bw'aba alumwa ennyonta muwe amazzi anywe.
22 Kubanga oliba otuuma amanda g'omuliro ku mutwe gwe,
era Mukama alikuwa empeera.

23 Ng'empewo ey'obukiikakkono bwereeta enkuba,
n'olulimi oluyomba bwe luleetera omuntu obusungu.

24 Okusulanga mu kasonda waggulu ku nnyumba,
kisinga okubeera n'omukazi omuyombi mu nnyumba.

25 Ng'amazzi amannyogovu bwe gaba eri emmeeme erumwa ennyonta,
bwe gatyo bwe gaba amawulire amalungi agava mu nsi ey'ewala.

26 Ng'oluzzi olusiikuuse, oba ensulo eyonoonese,
bw'atyo bw'abeera omutuukirivu eyeewaayo eri omukozi w'ebibi.

27 Si kirungi kulya mubisi gwa njuki mungi,
bwe kityo si kirungi omuntu okwenoonyeza ekitiibwa.

28 Omuntu ateefuga
ali ng'ekibuga ekimenyeemenye ne kirekebwa nga tekirina bbugwe.

# 26

*Omusirusiru n'Obusirusiru bwe*

1 Ng'omuzira bwe gutasaana mu biseera bya kusiga oba enkuba mu makungula,
n'ekitiibwa bwe kitasaanira musirusiru.

2 Ng'enkazaluggya ewabye, ng'akataayi akabuukabuuka,
ekikolimo ekitasaanidde tekibaako kye kikola.

3 Embooko ya mbalaasi, n'olukoba lwa ndogoyi,
n'omuggo gusaanira migongo gya basirusirusiru.

4 Toyanukulanga musirusiru ng'obusirusiru bwe, bwe buli,
oleme kubeera nga ye.

5 Omusirusiru omuddangamu ng'obusirusiru bwe, bwe buli,
si kulwa nga yeerowooza nti mugezi.

6 Omuntu atuma omusirusiru,
aba ng'eyeetemyeko ebigere n'anywa obusungu.

7 Ng'amagulu g'omulema bwe galengejja obulengezzi,
bwe lutyo n'olugero bwe lubeera mu kamwa k'omusirusiru.

8 Ng'atadde ejjinja mu nvuumuulo bw'aba,
n'oyo awa omusirusiru ekitiibwa bw'atyo bw'abeera.

9 Ng'eriggwa bwe lifumita mu mukono gw'omutamiivu,
bwe lutyo n'olugero bwe lubeera mu kamwa k'abasirusiru.

10 Ng'omulasi w'akasaale, amala galasa buli gw'asanze,
bw'abeera bw'atyo apangisa omusirusiru oba omuyise yenna gw'asanze.

11 Ng'embwa bw'eddira ebisesemye by'ayo,
bw'atyo bw'abeera omusirusiru adda mu nsobi ze.

12 Olaba omuntu omugezi mu maaso ge ye?
Omusirusiru alina essuubi okumusinga.

13 Omugayaavu agamba nti, “Mu kkubo eriyo empologoma,
empologoma enkambwe eyita mu luguudo!”

14 Ng’oluggi bwe lukyukira ku ppata zaalwo,
bw’atyo omugayaavu bw’akyukira ku kitanda kye.

15 Omugayaavu akoza n’engalo ze mu kibya,
naye olw’obunafu bwe n’atasobola kuzizza mu kamwa.

16 Omugayaavu alowooza nti mugezi,
okusinga abantu omusanvu abaddamu ebibuuzo mu butuufu.

17 Ng’asika embwa amatu,
omuyise bw’abeera eyeeyingiza mu luyombo olutali lulwe.

18 Ng’omulalu akasuka
emmuli ez’omuliro oba obusaale obutta,
19 bw’abeera omuntu alimba munne,
n’agamba nti, “Mbadde nsaaga busaazi.”

20 Enku bwe zibula omuliro guzikira,
awatali lugambo ennyombo ziggwaawo.

21 Ng’amanda ku gannaago agaliko omuliro, oba enku ku muliro,
bw’abeera omusajja omuyombi mu kuwakula entalo.

22 Ebigambo by’omuntu ageya biri ng’emmere ewoomerera,
bigenda mu bitundu by’omubiri eby’ewala.

23 Ng’ekintu eky’ebbumba ekibikkiddwako amasengere,
bwe gibeera emimwa eminyiikivu egisibuka ku mutima omubi.

24 Omuntu ow’enkwe alimbalimba n’emimwa gye
naye ng’aterese obulimba mu mutima gwe.
25 Wadde nga by’ayogera bisanyusa, tomukkiririzaamu
kubanga eby’emizizo musanvu bijjuza mu mutima gwe.
26 Enkwe ze ziyinza okubikkibwa mu kubuzaabuuza,
naye obutali butuukirivu bwe buliggyibwayo mu lukuŋŋaana.

27 Buli asima ekinnya y’alikigwamu,
n’oyo aliyiringisa ejjinja gwe liriddira.

28 Olulimi olulimba lukyawa abo be lufumita,
n’akamwa akawaanawaana kaleeta okuzikirira.

# 27

*Amagezi aga Leero n’Ebiseera eby’omu mu Maaso*

1 Teweenyumirizanga mu bya nkya,
kubanga olunaku bye lunaaleeta tobimanyi.

2 Leka omulala akutenderezenga so si kamwa ko ggwe,

omuntu omulala so si mimwa gyo.

3 Ejjinja lizitowa, n'omusenyu muzito,
naye obulumbaganyi bw'omusirusiru businga byonna okuzitowa.

4 Obusungu bwa ttima, n'ekiruyi kifugira ddala nnyo,
naye ani ayinza okwolekera amaaso g'obuggya?

5 Okunenya mu lwatu,
kisinga okwagala okukisibbwa.

6 Okunywegera kw'omulabe kwandiba okungi,
naye ebiwundu by'okunenya kw'owoomukwano tebitiisa.

7 Oyo akkuse akyawa omubisi gw'enjuki,
naye eri omuyala n'ekikaawa kiba kiwoomerera.

8 Ng'akanyonyi akadduka mu kisu kyako,
bw'atyo bw'abeera omuntu abula mu maka ge.

9 Ebyakaloosa bisanyusa omutima,
n'obuwoomerevu bw'omukwano gw'omuntu bwe butyo bwe buvaamu okubuulirira okw'amazima.

10 Mukwano gwo ne mukwano gwa kitaawo tobaabuuliranga,
olemenga okutawaana okuswala ewa muganda wo ng'ogudde mu mitawaana.
Muliraanwa wo akira muganda wo akuli ewala.

11 Beeranga n'amagezi mwana wange, osanyusenga omutima gwange,
ndyoke nyanukule oyo yenna ansekerera.

12 Omuntu omutegeevu alaba akabenje ne yeekweka,
naye abatalina magezi batambula butambuzi ne bagwa mu kabi.

13 Twalanga ekyambalo ky'oyo eyeeyimirira gw'atamanyi,
era kwatanga eky'oyo eyeeyimirira omukazi omwenzi kye yeeyamye.

14 Okulamusa ku muliraanwa wo mu makya ennyo, ng'oleekaana,
obanga amukolimidde.

15 Omukazi omuyombi ali ng'enkuba etonnya olutata,
ku lunaku olw'enkuba ennyingi.
16 Okumuziyiza obanga aziyiza empewo oba
ng'anyweza omuzigo mu ngalo.

17 Ng'ekyuma bwe kiwagala ekyuma,
n'omuntu bw'abangula muntu munne.

18 Buli alabirira omutiini alirya ku bibala byagwo,
n'oyo aweereza mukama we alissibwamu ekitiibwa.

19 Ng’amazzi bwe galaga omuntu bw’afaanana mu maaso,
bwe gutyo omutima gw’omuntu bwe gulaga omuntu bw’afaanana.

20 Amagombe ne ggeyeena tebikkuta,
n’amaaso g’abantu nago bwe gatyo tegakkuta.

21 Entamu erongoosa ya ffeeza n’ekikoomi kikola ku zaabu,
naye omuntu ekimugezesa kutenderezebwa.

22 Ne bw’osekula omusirusiru mu kinu,
nga bw’osekula emmere y’empeke mu kinu,
obusirusiru bwe tobumuggyaamu.

23 Okakasanga nti omanyi bulungi embeera z’ekisibo kyo,
ossangayo omwoyo ku ggana lyo.
24 Kubanga eby’obugagga tebibeerera mirembe gyonna,
n’engule tebeerera mirembe gyonna.
25 Ng’omuddo gw’ensolo omukulu gumaze okusalibwawo, ng’omutoototo gutandise okusibukawo,
nga n’omuddo ogw’omu busozi guleeteddwa,
26 abaana b’endiga balikuwa engoye ez’okwambala,
n’embuzi ziritundibwa ne zivaamu ensimbi.
27 Olibeera n’amata mangi g’onoggyanga mu mbuzi, okukuliisa ggwe n’ab’omu nnyumba yo,
n’okuliisa abaweereza bo abawala.

# 28

1 Abakozi b’ebibi badduka nga tewali abagoba,
naye abatuukirivu babeera n’obuvumu ng’empologoma.

2 Eggwanga bwe lijeema, liba n’abafuzi bangi,
naye olw’omuntu alina okutegeera n’okumanya obutebenkevu budda nate mu nsi.

3 Omufuzi anyigiriza abaavu,
afaanana nga enkuba etonnya ezikiriza n’eterekaawo birime.

4 Abo abava ku mateeka ga Mukama batendereza aboonoonyi,
naye abo abagakuuma babawakanya.

5 Abantu abakozi b’ebibi tebategeera bwenkanya,
naye abo abanoonya Mukama babutegeerera ddala bulungi.

6 Omuntu omwavu atambulira mu butuukirivu,
asinga omugagga ow’amakubo amakyamu.

7 Oyo akuuma amateeka ga Mukama mwana eyeegendereza,
naye mukwano gw’ab’omululu akwasa kitaawe ensonyi.

8 Ayongera ku bugagga bwe mu bukumpanya,
abukuŋŋaanyiza omulala anaayinza okuba ow’ekisa eri abaavu.

9 Atassaayo mwoyo kuwulira mateeka ga MUKAMA,
n'okusaba kwe tekukkirizibwa.

10 Buli akyamya abatuukirivu mu kkubo ebbi,
aligwa mu katego ke ye,
naye abatuukirivu balisikira ebirungi.

11 Omugagga alowooza nti mugezi,
naye omwavu alina okutegeera, amunyooma.

12 Abatuukirivu bwe bawangula wabaawo okujaguza okw'amaanyi,
naye abakakanyalira mu kukola ebikyamu bwe bafuna obuyinza abantu beekweka.

13 Oyo akweka ebibi bye, talifuna mukisa kukulaakulana,
naye buli abyatula n'abireka, alisaasirwa.

14 Alina omukisa omuntu atya MUKAMA ebbanga lyonna,
naye oyo akakanyaza omutima gwe abonaabona.

15 Ng'empologoma ewuluguma oba eddubu eritiisatiisa,
bw'abeera omufuzi omubi atulugunya abateesobola.

16 Omufuzi nantagambwako tafuga na bwenkanya,
naye oyo akyawa amagoba agafuniddwa mu bukyamu alibeera n'essanyu ery'obulamu obuwangaazi.

17 Omuntu alumirizibwa olw'okutta munne,
alibeera mu kutegana okutuusa okufa,
tewabanga n'omu amuyamba.

18 Omuntu atambulira mu bugolokofu alinunulibwa talibeerako kabi,
naye oyo ow'amakubo amabi aligwa mbagirawo.

19 Omuntu alima ennimiro ye aliba n'emmere nnyingi,
naye oyo ali mu birowoozo ebitaliimu alifa bwavu.

20 Omusajja omwesigwa aliweebwa emikisa mingi,
naye oyo ayanguyiriza okugaggawala talirema kubonerezebwa.

21 Okuttira abantu ku liiso ng'osala emisango si kirungi,
naye ate olw'okunoonya akookulya omuntu ayinza okuzza omusango.

22 Omusajja omukodo yeegomba okugaggawala,
naye nga tamanyi nti obwavu bumulindiridde.

23 Oyo anenya omuntu, oluvannyuma aliganja,
okusinga oyo awaaniriza n'olulimi.

24 Buli anyaga kitaawe, oba nnyina,
n'agamba nti, "Si nsonga," afaanana n'oyo azikiriza.

25 Omuntu ow’omululu aleeta oluyombo,
naye oyo eyeesiga MUKAMA aligaggawazibwa.

26 Eyeesiga omutima gwe, musirusiru,
naye oyo atambulira mu magezi alifuna emirembe.

27 Agabira abaavu talibaako ne kye yeetaaga,
naye abakodowalira anaabanga n’ebikolimo bingi.

28 Abakozi b’ebibi bwe babeera mu buyinza, abantu beekweka,
naye abakozi b’ebibi bwe bazikirira, abatuukirivu bakulaakulana.

# 29

*Obukulembeze bw’Abatuukirivu*

1 Omuntu akakanyaza omutima gwe oluvannyuma lw’okunenyezebwa emirundi emingi,
alizikirira ng’atamanyiridde awatali kuwona.

2 Abatuukirivu bwe bakulaakulana, abantu basanyuka,
naye abakakanyalira mu kukola ebikyamu bwe bafuga abantu babeera mu kusinda.

3 Ayagala amagezi asanyusa kitaawe,
naye munne w’abamalaaya ayiwaayiwa obugagga bwe.

4 Kabaka afuga n’obwenkanya, abantu be baba mu butebenkevu,
naye oyo alulunkanira enguzi, ensi agyonoona.

5 Omuntu awaanawaana munne,
aba yeetega yekka ekitimba.

6 Ebibi by’omwonoonyi bye bimutega,
naye omutuukirivu abeera mu kuyimba na kusanyuka.

7 Omutuukirivu afaayo ku nsonga z’abaavu,
naye abakozi b’ebibi tebakola bwe batyo.

8 Abakudaazi basasamaza ekibuga,
naye abantu abalina amagezi baziyiza entalo.

9 Omuntu ow’amagezi bw’awoza n’omusirusiru,
omusirusiru ayongera kusunguwala, n’okujerega ne wataba mirembe.

10 Abeegomba okuyiwa omusaayi bakyawa omuntu ow’amazima,
era banoonya okusaanyaawo obulamu bwe.

11 Omusirusiru alaga obusungu bwe bwonna,
naye omuntu ow’amagezi abuziyiza n’abukkakkanya.

12 Omufuzi bw’awuliriza eby’obulimba,
abakungu be bonna bafuuka babi.

13 Omwavu n’oyo amubonyaabonya balina ekibagatta:
MUKAMA bombi ye yabawa amaaso.

14 Kabaka bw’asalira abaavu emisango n’obwesigwa,
obufuzi bwe bubeerera emirembe gyonna.

15 Akaggo akakangavvula, kaleeta amagezi,
naye omwana alekeddwa awo, aswaza nnyina.

16 Abakozi b’ebibi bwe beeyongera obungi, okumenya amateeka kweyongera,
naye abatuukirivu baliraba okugwa kwabwe.

17 Kangavvula omwana wo, alikuwa emirembe,
alireetera emmeeme yo essanyu.

18 Awatali kwolesebwa abantu tebaba beegendereza,
naye wa mukisa oyo akuuma amateeka ga MUKAMA.

19 Omuweereza tayinza kubuulirirwa na bigambo byokka;
ne bw’aba ategedde tafaayo.

20 Olaba omuntu ayanguyiriza ebigambo bye?
Omusirusiru alina essuubi okumusinga.

21 Atiitiibya omuweereza we ekiyitiridde ng’akyali mwana muto,
oluvannyuma omuweereza aleetera mukama we obuyinike.

22 Omuntu ow’obusungu aleeta ennyombo,
n’omuntu asunguwala amangu ayonoona nnyo.

23 Amalala g’omuntu galimuleetera okugwa,
naye omuntu ow’omwoyo ogwetoowaza alifuna ekitiibwa.

24 Buli assa ekimu n’omubbi akyawa obulamu bwe ye,
era ne bw’alayizibwa tasaanira kubaako ky’ayogera.

25 Okutya omuntu kuleeta ekyambika,
naye buli eyeesiga MUKAMA anaabanga mirembe.

26 Bangi abanoonya okuganja mu maaso g’omufuzi,
naye obwenkanya obwa nnama ddala buva eri MUKAMA.

27 Atali mutuukirivu wa muzizo eri abatuukirivu;
era omwesimbu wa muzizo eri abakozi b’ebibi.

# 30

*Ebigambo ba Aguli*

1 Bino bye bigambo bya Aguli mutabani wa Yake; obubaka bwe yawa
bwe buno:
Bw’ati omusajja ono bwe yagamba Isiyeri, Isyeri ono ne Ukali.

2 Ddala Ayi Katonda wange nze nsinga obutategeera,
sirina kutegeera kwa bantu.
3 Siyize magezi,
so n'oyo Omutukuvu simumanyi.
4 Ani eyali alinnye mu ggulu n'akka?
Ani eyali akuŋŋaanyiza empewo mu kibatu ky'engalo ze?
Ani eyali asibye amazzi mu kyambalo kye?
Ani eyatonda enkomerero zonna ez'ensi?
Erinnya lye y'ani, ne mutabani we y'ani?
Mbulira obanga obimanyi.

5 Buli kigambo kya Katonda kya mazima,
era aba ngabo eri abo abamwesiga.
6 Toyongeranga ku bigambo bye,
alemenga okukunenya naawe olabike ng'omulimba.

7 Ebintu bibiri bye nkusaba; Ayi MUKAMA,
tobinnyimanga nga sinnafa:
8 Ebigambo eby'obutaliimu n'eby'obulimba binteeke wala,
ate era tonjavuwazanga wadde okungaggawaza,
naye ndiisanga emmere eya buli lunaku.
9 Nneme okukkutanga ne nkwegaana
ne njogera nti, "MUKAMA ye y'ani?"
Era nnemenga okuba omwavu ne nziba,
ne nvumisa erinnya lya Katonda wange.

10 Tosekeetetereranga muweereza eri mukama we,
alemenga okukukolimira, naawe omusango ne gukusinga.

11 Waliwo abo abakolimira bakitaabwe
ne batasabira na bannyaabwe mukisa;
12 abo abeeraba ng'abatuukirivu bo mu maaso gaabwe,
ate nga tebanaazibwangako bibi byabwe.
13 Waliwo abo ab'amalala amayitirivu,
abatunuza okwemanya okw'ekitalo,
14 n'ebeerayo abo abalina amannyo agali ng'ebitala,
n'emba zaabwe nga zirimu ebiso,
okusaanyaawo abaavu mu nsi,
n'abo abali mu kwetaaga.

15 Ekinoso kirina bawala baakyo babiri
abaleekaana nti, "Mpa! mpa!"

Waliwo ebintu bisatu ebitakkuta,
weewaawo bina ebitagamba nti, "Matidde,"
16 Amagombe,
olubuto olugumba,
ettaka eritakutta mazzi,
n'omuliro ogutayogera nti, "Ebyo binaamala!"

17 Eriiso ly'oyo anyooma kitaawe,
era n'atagondera nnyina,

liriggibwamu bannamuŋŋoona ab'omu kiwonvu,
ne liriibwa ensega.

18 Waliwo ebigambo bisatu eby'ekitalo ennyo gye ndi,
weewaawo bina bye sitegeera:
19 Empungu engeri gye yeeyisaamu mu bbanga,
n'omusota engeri gye gwewalulamu wakati mu mayinja,
n'ekyombo gye kiseeyeeyamu ku nnyanja,
n'engeri omusajja gye yeeyisaamu ng'ali n'embeerera.

20 Bw'ati bwe yeeyisa omukazi omwenzi:
alya n'asiimuula emimwa gye
n'agamba nti, "Sirina kibi kye nkoze."

21 Ensi ekankanira wansi w'ebintu bisatu
weewaawo bina:
22 omuweereza bw'afuuka kabaka,
n'omusirusiru bw'akutta emmere;
23 n'omukazi eyadibira mu ddya;
n'omuweereza omuwala bw'afumbirwa bba wa mugole we.

24 Waliwo ebintu ebitono bina ku nsi,
ebirina amagezi amangi ennyo.
25 Enkolooto bye biwuka ebitalina maanyi mangi,
naye byeterekera emmere yaabyo mu kyeya;
26 obumyu busolo bunafu
naye bwezimbira ennyumba zaabwo mu mayinja;
27 enzige tezirina kabaka,
kyokka zitabaala zonna mu bibiina byazo;
28 omunya oyinza okugukwasa engalo,
naye mu mbiri za bakabaka gusangibwamu.

29 Waliwo ebintu bisatu ebyesimba obulungi mu kitiibwa nga bitambula,
weewaawo bina ebitambulira mu kitiibwa:
30 empologoma esinga ensolo zonna amaanyi era kabaka waazo, so
tewali gy'esegulira yonna;
31 sseggwanga,
n'embuzi ennume,
ne kabaka eyeetooloddwa eggye lye.

32 Bw'oba ng'obadde okoze eby'obusirusiru ne weegulumiza,
obanga obadde oteekateeka okukola ebibi,
weekomeko weekwate ku mumwa.
33 Kubanga okusunda amata kuzaala omuzigo,
n'okunyiga ennyindo kuleeta omusaayi,
okutankuula obusungu, bwe kutyo kuleeta entalo.

# 31

*Okulabula ku Kunywa Ekitamiiza*

1 Ebigambo bya kabaka Lemweri bye yayogera, nnyina bye yamuyigi-
riza.
2 Ggwe mutabani wange, ggwe mutabani w'enda yange,

ggwe mutabani w'obweyamo bwange.
3 Tomaliranga maanyi go ku bakazi,*
newaakubadde amaanyi go ku abo abazikiriza bakabaka.

4 Ggwe Lemweri, si kya bakabaka,
si kya bakabaka okunywanga omwenge,
so si kya balangira okwegombanga omwenge,
5 si kulwa nga bagunywa ne beerabira amateeka,
ne batalamula mu bwenkanya abantu baabwe abatulugunyizibwa.
6 Ekitamiiza mukiwenga oyo ayagala okufa,
n'omwenge oyo alina emmeeme eriko obuyinike.
7 Mumuleke anywenga yeerabire obwavu bwe,
alemenga kujjukira nate buyinike bwe.

8 Yogereranga abo abatasobola kweyogerera,
otunulenga mu nsonga z'abo bonna abaasigala ettayo.
9 Yogera olamulenga n'obwenkanya,
olwanirirenga abaavu n'abali mu bwetaavu.

### *Omukazi ow'Amagezi*

10 Omukazi omwegendereza ani ayinza okumulaba?
Wa muwendo nnyo okusinga amayinja ag'omuwendo ennyo.
11 Bba amwesiga n'omutima gwe gwonna,
era bba talina kyonna kya muwendo ky'abulwa.
12 Aleetera bba essanyu so tamukola kabi,
obulamu bwe bwonna.
13 Anoonya ebyoya by'endiga n'anoonya ne ppamba,
n'akola emirimu gye mu ssanyu eritayogerekeka.
14 Ali ng'ebyombo by'abasuubuzi,
aleeta emmere okuva mu nsi ezeewala.
15 Agolokoka tebunnakya,
n'awa ab'omu nnyumba ye ebyokulya,
n'agabira abaweereza be abawala be abaweereza emirimu egy'okukola.
16 Alowooza ku nnimiro n'agigula;
asimba ennimiro ey'emizabbibu n'ebibala by'emikono gye.
17 Omukazi oyo akola n'amaanyi omulimu gwe,
emikono gye gikwata n'amaanyi emirimu gye.
18 Ayiiya ebyamaguzi ebirimu amagoba n'abisuubula,
era n'ettabaaza ye ekiro tezikira.
19 Anyweza omuti oguluka ppamba mu mukono gwe,
engalo ze ne zikwata akati akalanga.
20 Ayanjululiza abaavu omukono gwe,
n'agololera omukono gwe oyo ali mu bwetaavu.
21 Mu biseera by'obutiti taba na kutya,
kubanga ab'omu nnyumba ye bonna baba n'engoye ez'okwambala.
22 Yeekolera ebibikka obuliri bwe,
era engoye ze za linena omulungi, za ffulungu.†
23 Bba amanyibbwa,

---

* **31:3** Abakazi aboogerwako wano be baweereza abakazi abangi ababeera mu lubiri; batabulatabula kabaka ng'akola emirimu gye † **31:22** Engoye za ffulungu zaali za bbeeyi era nga kabonero ka kikungu

y’omu ku bakulu abakulembera ensi, era ateeseza mu nkiiko enkulu.
24 Omukazi atunga ebyambalo ebya linena n’abitunda,
n’aguza abasuubuzi enkoba.
25 Amaanyi n’ekitiibwa bye byambalo bye,
era tatya ebiro ebigenda okujja.
26 Ayogera n’amagezi,
era ayigiriza ebyekisa.
27 Alabirira nnyo empisa z’ab’omu nnyumba ye,
era talya mmere ya bugayaavu.
28 Abaana be bagolokoka ne bamuyita wa mukisa,
ne bba n’amutendereza ng’ayogera nti,
29 “Abakazi bangi abakola eby’ekitiibwa
naye bonna ggwe obasinga.”
30 Obubalagavu bulimba n’endabika ennungi teriiko kyegasa,
naye omukazi atya MUKAMA anaatenderezebwanga.
31 Mumusasule empeera gy’akoleredde,
n’emirimu gye gimuweesenga ettendo ku miryango gy’ekibuga.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Omubuulizi

*Obutaliimu bw'Amagezi g'Abantu*

1 Ebigambo by'Omubuulizi, mutabani wa Dawudi kabaka mu
Yerusaalemi.
2 "Obutaliimu! Obutaliimu!" bw'ayogera Omubuulizi.
Byonna butaliimu.

3 Omuntu afuna ki mu byonna by'akola,
mu byonna ebimukooya wansi w'enjuba?
4 Omulembe ogumu gugenda, omulala ne gujja,
naye ensi ebeerera emirembe gyonna.
5 Enjuba evaayo era n'egwa,
ate n'eyanguwa okutuuka mu kifo mw'eviirayo.
6 Empewo ekunta ng'eraga obukiikaddyo,
ne yeetooloola okutuuka obukiikakkono;
empewo yeetooloola ne yeetooloola,
n'ekomerawo ku biwaawaatiro byayo.
7 Emigga gyonna gikulukuta nga giraga mu nnyanja,
naye ennyanja tejjula;
ekifo emigga gye gikulukutira
era gye gyeyongera okukulukutira.
8 Ebintu byonna bijjudde obukoowu
omuntu bw'atasobola kutenda!
Eriiso terimatira kulaba,
wadde okutu okukoowa okuwulira.
9 Ekyo ekyabaawo era kye kigenda okubaawo,
n'ekyo ekikoleddwa era kye kigenda okukolebwa;
era tewali kintu kiggya wansi w'enjuba.
10 Waali wabaddewo ekintu ekyali kigambiddwa nti,
"Laba kino kiggya"?
Kyaliwo dda
mu mirembe egyatusooka?
11 Tewali kujjukira bintu byasooka
era tewaliba kujjukira bintu ebyo ebitanabaawo mu ebyo ebijja oluvannyuma.

*Amagezi Agatali ga Katonda Butaliimu*

12 Nze Omubuulizi nali kabaka wa Isirayiri mu Yerusaalemi.
13 Nagezaako n'omutima gwange okuyiga n'okwetegereza n'amagezi
gange gonna mu ebyo ebikolebwa wansi w'eggulu; omulimu Katonda gwe
yawa abaana b'abantu okukola, guteganya.
14 Ndabye ebintu byonna ebikolebwa wansi w'enjuba; era laba, byonna
butaliimu na kugoberera mpewo.
15 Ekyo ekyakyama tekisoboka kugololebwa,
n'ekibulako tekibalibwa.
16 Nayogera munda yange nti, "Nfunye amagezi mangi agasinga ag'abo
bonna abaali babadde mu Yerusaalemi, era nfunye amagezi n'okumanya
kungi."

17 Era omutima gwange ne gumanya okwawula amagezi n’eddalu,
n’obutategeera. Ne ntegeera nti na kino nakyo kugoberera mpewo.
18 Kubanga mu magezi amangi mujjiramu okunakuwala kungi;
amagezi gye gakoma obungi, n’okunakuwala gye gukoma.

# 2

*Amasanyu Tegagasa*

1 Nayogera munda yange nti, “Jjangu kaakano ngezese okusanyuka.
Weesanyuse.” Naye laba, na kino kyali butaliimu.
2 Nagamba nti, “Okuseka busirusiru. Era okusanyuka kugasa ki?”
3 Nanoonyereza n’omutima gwange, bwe nnaasanyusa omubiri gwange
n’omwenge, nga nkyagoberera okunoonya amagezi. Nayagala okulaba
abantu kyebasaanira okukola wansi w’enjuba mu nnaku ez’obulamu
bwabwe entono.
4 Natandikawo emirimu egy’amaanyi: ne neezimbira amayumba ne
neesimbira ennimiro ez’emizabbibu.
5 Ne neerimira ennimiro, ne neekolera n’ebifo ebigazi, ne nsimbamu
buli ngeri ya miti egy’ebibala.
6 Ne neesimira ebidiba omuva amazzi ag’okufukirira ebibira by’emiti
emito.
7 Neefunira abaddu abasajja n’abakazi, era nalina abaddu abaazaalirwa
mu nnyumba yange. Ne mbeera n’amagana g’ente n’ebisibo by’endiga
okusinga bonna abansooka okubeera mu Yerusaalemi.
8 Ne neekuŋŋaanyiza ffeeza ne zaabu ebyavanga mu misolo, egyam-
pebwanga bakabaka n’egyavanga mu bwakabaka bwabwe. Neefunira
abayimbi abasajja n’abakazi, ne nfuna n’ebintu byonna ebisanyusa
omuntu, ne neefunira n’abakazi.
9 Ne nfuuka mukulu ne nsukkirira bonna abansooka mu Yerusaalemi.
Mu ebyo byonna nasigala siweebuuse mu magezi.
10 Na buli amaaso gange kye gaayagala okulaba sa kigamma,
omutima gwange ne ngusanyusa mu buli kimu.
Omutima gwange gwasanyukira bye nakola byonna,
era eyo y’empeera yange olw’okutegana kwange kwonna.
11 Awo bwe nalowooza byonna emikono gyange bye gyakola,
n’okutegana kwonna nga nkola,
laba, byonna bwali butaliimu na kugoberera mpewo,
tewaali na kimu kye nagobolola wansi w’enjuba.

*Amagezi Agatali ga Katonda n’Obusirusiru Byombi Butaliimu*

12 Awo ne nkyuka ne ndowooza ku magezi,
ne ku ddalu ne ku busirusiru,
kubanga oyo aliddirira kabaka mu bigere alibaako ki ky’akola,
okuggyako ekyo kabaka ky’akoze?
13 Awo ne ndaba amagezi nga gasinga obusirusiru,
n’ekitangaala nga kisinga ekizikiza.
14 Omugezi amaaso ge gali mu mutwe gwe,
naye atalina magezi atambulira mu kizikiza.
Kyokka ne ntegeera
nga bombi akabi kabatuukako.
15 Ne ndyoka njogera mu mutima gwange nti,
“Ekyo ekigwa ku musirusiru nange kirintuukako.
Kale lwaki mbeera omugezi?”

Era na kino ne nkizuula
nga butaliimu.
16 Kubanga ku mugezi ne ku musirusiru tewaliwo ajjukirwa lubeerera;
mu nnaku ezirijja bombi baliba beerabirwa dda.
Okufaanana ng'omusirusiru n'omugezi naye alifa.
17 Awo ne nkyawa obulamu kubanga buli ekikolebwa wansi w'enjuba
kindeetera buyinike. Byonna butaliimu na kugoberera mpewo.
18 Nakyawa okutegana kwange kwonna kwe nateganamu wansi
w'enjuba, kubanga byonna ndi wakubirekera oyo alinzirira mu bigere.
19 Kale ani amanyi obanga aliba musajja mugezi oba musirusiru?
Kyokka ye y'aliba mukama w'ebyo byonna bye nateganira nga nkozesa
amagezi gange wansi w'enjuba; era na kino nakyo butaliimu.
20 Awo ne nterebuka olw'okutegana kwange kwonna wansi w'enjuba.
21 Kubanga oluusi omuntu ategana ng'akozesa amagezi ge n'okumanya
awamu n'obukalabakalaba bwe, naye byonna ateekwa okubirekera oyo
atabiteganiranga nako. Na kino nakyo butaliimu na kabi keereere.
22 Omuntu afuna ki mu kutegana kwe kwonna n'okukaluubirirwa mu
ebyo by'ateganamu wansi w'enjuba?
23 Kubanga ennaku ze zonna n'okutegana kwe bijjula bulumi; era ne mu
kiro omutima gwe teguwummula; na kino nakyo butaliimu.
24 Tewali kisingira muntu kulya na kunywa na kusanyukira mu ebyo
by'akola. Na kino nkiraba, kiva mu mukono gwa Katonda,
25 kubanga awatali ye, ani ayinza okulya oba asobola okusanyuka?
26 Kubanga omuntu asanyusa Katonda, Katonda amuwa amagezi
n'okumanya n'essanyu; naye omwonoonyi Katonda amuwa omulimu
gw'okukuŋŋaanyiza oyo asanyusa Katonda. Na kino nakyo butaliimu na
kugoberera mpewo.

# 3

### *Buli Kintu Kirina Ekiseera Kyakyo*

1 Buli kintu kirina ekiseera kyakyo,
na buli ekikolebwa wansi w'eggulu kirina ekiseera kyakyo.

2 Waliwo ekiseera eky'okuzaalibwa n'ekiseera eky'okufa;
ekiseera eky'okusimba ate n'ekiseera eky'okukungula ebyo ebyasimbibwa;
3 ekiseera eky'okutta n'ekiseera eky'okuwonya;
ekiseera eky'okumenya n'ekiseera eky'okuzimba;
4 ekiseera eky'okukaabiramu n'ekiseera eky'okusekeramu;
ekiseera eky'okukungubaga n'ekiseera eky'okuzina;
5 ekiseera eky'okusaasaanyizaamu amayinja, n'ekiseera eky'okugakuŋŋaanyizaamu;
ekiseera eky'okugwiramu mu kifuba n'ekiseera eky'okukyewaliramu;
6 waliwo ekiseera eky'okunoonyezaamu n'ekiseera eky'okulekeraawo okunoonya;
ekiseera eky'okukuumiramu ekintu n'ekiseera eky'okukisuuliramu;
7 n'ekiseera eky'okuyulizaamu n'ekiseera eky'okuddabiririzaamu;
ekiseera eky'okusirikiramu n'ekiseera eky'okwogereramu;
8 waliwo ekiseera eky'okwagaliramu n'ekiseera eky'okukyayiramu;
ekiseera eky'entalo n'ekiseera eky'eddembe.
9 Ddala omuntu kiki ky'afuna mu kutegana kwe?

10 Ndabye omugugu Katonda gw'atadde ku bantu.
11 Buli kimu yakikola nga kirungi mu kiseera kyakyo. Kyokka
newaakubadde nga Katonda yateeka mu mitima gy'abantu okutegeera ob-
ulamu obutaggwaawo, omuntu tayinza kuteebereza mulimu gwa Katonda
gwonna, we gutandikira oba we gukoma.
12 Mmanyi nga tewali kisingira bantu kusanyuka na kukola bulungi nga
balamu.
13 Buli muntu alyoke alye, anywe afune okwesiima olw'ebyo ebiva mu
kutegana kwe, kubanga ekyo kirabo kya Katonda.
14 Mmanyi nga buli Katonda ky'akola kya lubeerera; tekyongerwako, era
tewali kikijjibwako. Katonda yakikola bw'atyo, abantu balyoke bamutye.
15 Ekyo ekiriwo ky'amala dda okubaawo;
n'ekyo ekinaaberawo kyabaawo dda;
era Katonda alagira ebyali bibaddewo, ne byongera okubaawo.
16 Ate era nalaba nga wansi w'enjuba,
mu kifo ky'okusala amazima waliwo kusaliriza;
ne mu kifo ky'obutuukirivu waliwo bwonoonyi.
17 Ne njogera munda yange nti,
"Katonda aliramula
abatuukirivu n'aboonoonyi;
kubanga yateekawo ekiseera ekya buli kimu;
era na buli mulimu."
18 Ne ndowooza nti, "Katonda agezesa abaana b'abantu era bajjukire nti
nsolo busolo.
19 Kubanga ekituuka ku baana b'abantu kye kituuka ne ku nsolo;
omuntu afa, n'ensolo n'efa. Bonna bassa omukka gwe gumu; omuntu
talina nkizo ku nsolo. Byonna butaliimu.
20 Bonna bagenda mu kifo kye kimu, bonna bava mu nfuufu era mu
nfuufu mwe badda.
21 Ani amanyi obanga omwoyo gw'omuntu gwambuka waggulu,
ogw'ensolo gwo ne gukka mu ttaka?"
22 Bwe ntyo nalaba nga tewali kisinga muntu kusanyukira mulimu gwe,
kubanga ekyo gwe mugabo gwe. Anti tewali asobola kumukomyawo alabe
ebyo ebiribaawo oluvannyuma lwe.

# 4

*Amaziga g'Abanyigirizibwa*

1 Ate nalaba okunnyigirizibwa kwonna okukolebwa wansi w'enjuba.
Ate laba, amaziga gaabo abanyigirizibwa,
era nga tebalina wakugabasangulako!
Ababanyigiriza baalina obuyinza,
kyokka nga tewali asobola kubagambako.
2 Ne ndowooza ku abo abaafa,
nga baali ba mukisa okusinga
abo abakyali abalamu;
3 naye abasinga abo,
y'oyo atannaba kuzaalibwa,
atannalaba bibi
obukolebwa wansi w'enjuba.
4 Awo ne ndaba ng'okutegana, n'okutuukiriza mu bikolebwa, kuva mu
kukwatirwa obuggya muliraanwa. Na kino butaliimu na kugoberera
mpewo.

5 Omusirusiru awumba emikono gye,
ne yeezikiriza yekka.
6 Kirungi okuba n'emirembe emijjuvu
okusinga okujjula okubonaabona
n'okugoberera empewo.
7 Ate era ne ndaba obutaliimu wansi w'enjuba:
8 nalaba omuntu ng'ali bwannamunigina,
nga talina mwana wabulenzi wadde muganda we, naye ng'ategana okukamala, nga tamatira na bugagga bwe,
ne yeebuuza nti, "Nteganira ani
ne neefiiriza essanyu?
Kino nakyo butaliimu,
era tekiriiko kye kigasa."

9 Ababiri basinga omu,
kubanga bagasibwa nnyo mu kukola kwabwe.
10 Kubanga singa omu agwa,
munne amuyimusa.
Naye zimusanze oyo ali obw'omu,
bw'agwa tabaako amuyimusa.
11 Ababiri bwe bagalamira bombi awamu babuguma;
naye oyo ali obw'omu, ayinza atya okubuguma?
12 Omu awangulwa mangu,
kyokka ababiri bayinza okwerwanako.
Kubanga omuguwa ogw'emiyondo esatu tegukutuka mangu.
13 Omuvubuka omwavu nga mugezi, akira kabaka amusinga emyaka
nga musirusiru, atafaayo ku kubuulirirwa.
14 Omuvubuka ayinza okuba ng'avudde mu kkomera n'alya obwak-
abaka, oba okulya obwakabaka ng'abadde mwavu.
15 Nalaba abalamu bonna abatambula wansi w'enjuba nga bagoberera
omuvubuka oyo ow'okulya obwakabaka.
16 Abantu be yafuganga baali bangi nnyo. Naye abo abajja oluvannyuma
lwe tebaamusiima. Na kino nakyo butaliimu na kugoberera mpewo.

# 5

*Mutye Katonda*

1 Weekuume ng'oyingira mu nnyumba ya Katonda; okumusemberera
n'okumuwuliriza, kisinga okuwaayo ssaddaaka ng'ez'abasirusiru abata-
manyi nga bakola ebibi.
2 Toyanguyirizanga na kamwa ko okwogera ekigambo,
wadde omutima gwo ogwanguyiriza,
okwogera ekigambo mu maaso ga Katonda.
Katonda ali mu ggulu
ng'ate ggwe oli ku nsi;
kale ebigambo byo bibeerenga bitono.
3 Ng'okutawaana ennyo bwe kuleetera omuntu ebirooto,
n'ebigambo by'omusirusiru bwe bityo bwe biba nga bingi.
4 Bwe weeyamanga obweyamo eri Katonda tolwanga kubutuukiriza,
kubanga tasanyukira basirusiru. Tuukirizanga obweyamo bwo.
5 Obuteyama kisinga okweyama n'ototuukiriza kye weeyamye.

[6] Akamwa ko kaleme ku kwonoonyesa, n'ogamba oyo atumiddwa gy'oli
nti, "Nakola kisobyo okweyama." Kale lwaki weeretako okusunguwalirwa
Katonda olw'ebigambo byo, n'azikiriza emirimu gy'emikono gyo?
[7] Ebirooto entoko n'ebigambo ebingi temuli makulu; noolwekyo otyanga
Katonda.

### *Obugagga ku Bwabwo Bwokka Butaliimu Bwereere*

[8] Bw'olabanga ng'omwavu anyigirizibwa mu ssaza, amazima
n'obwenkanya nga tewali, teweewuunyanga! Kubanga omukungu waalyo
alinako amusinga, ate nga bombi balina ababatwala.
[9] Bonna balya ku bibala bya nsi eyo; kabaka yennyini mu nnimiro zaayo
mw'afuna.

[10] Oyo alulunkanira ensimbi, tasobola kuba na nsimbi zimumala;
wadde oyo alulunkanira obugagga n'amagoba:
na kino nakyo butaliimu.

[11] Ebintu nga bwe byeyongera obungi,
n'ababirya gye bakoma okweyongera.
Kale nnyini byo agasibwa ki,
okuggyako okusanyusa amaaso ge?

[12] Otulo tuwoomera omupakasi
ne bw'aba agabana bitono oba bingi.
Naye obugagga bw'omugagga obuyitiridde,
tebumuganya kwebaka.

### *Okukola n'Essanyu*

[13] Waliwo ekibi ekinene kye nalaba wansi w'enjuba:
nannyini bugagga abuterekera mu kwerumya,
[14] ebyembi bw'ebigwawo eby'obugagga ebyo bibula,
kale bw'aba ne mutabani
tewabaawo mutabani we ky'asigaza.
[15] Omuntu nga bwe yava mu lubuto lwa nnyina n'ajja mu nsi nga talina kintu,
bw'atyo bw'aliddayo nga mwereere ng'ava mu nsi.
Tewali ky'aggya mu mirimu gye,
wadde kyayinza okugenda nakyo mu mukono gwe.
[16] Na kino kya bulumi bwereere:
nga bwe yajja era bw'atyo bw'aligenda;
mugaso ki gwe yafuna mu kugoberera empewo?
[17] Era yamala obulamu bwe bwonna mu kizikiza ne mu buyinike,
ne mu kweraliikirira, ne mu bulumi ne mu kunyiiga.
[18] Ne ndyoka ntegeera nti kituufu omuntu okulya n'okunywa n'okulaba
nga yeyagalira mu kutakabana ne mu kukola kwe wansi w'enjuba, mu
nnaku ze entono Katonda z'amuwadde, kubanga ekyo gwe mugabo gwe.
[19] Ate Katonda bw'awa omuntu obugagga, n'ebintu n'amusobozesa
okubyeyagaliramu, n'okutegeera omugabo gwe n'okusanyukira by'akoze,
ekyo kiba kirabo ekivudde ewa Katonda.
[20] Emirundi giba mitono gy'alowoolezaamu ekiseera ky'obulamu
ky'amaze, kubanga Katonda ajjuza omutima gw'omuntu oyo essanyu.

# 6

### *Obutaliimu bw'Obugagga n'Ettiibwatiibwa*

1 Waliwo ekibi ekirala kye ndabye wansi w'enjuba era kibuutikidde
abantu.
2 Katonda awa omuntu obugagga, n'amuwa ebintu ebingi awamu
n'ekitiibwa, na buli mutima gwe kye gwetaaga n'akifuna; naye
Katonda n'amumma okubisanyukiramu, kyokka omugwira n'ajja
n'abisanyukiramu. Kino butaliimu era kya bubalagaze!
3 Omuntu ayinza okuba n'abaana kikumi, n'awangaala;
bw'atasanyukira mu bugagga bwe, era n'ataziikwa mu kitiibwa, ne
bw'aba ng'awangadde nnyo, omwana afiira mu lubuto ng'agenda
okuzaalibwa amusingira wala.
4 Omwana oyo ajja nga taliiko ky'amanyi n'agendera mu butamanya era
n'erinnya lye ne libulira mu butamanya.
5 Newaakubadde talabye njuba, wadde okubaako ky'amanya, kyokka
awummula bulungi okusinga omusajja oyo:
6 omusajja oyo ne bw'awangaala emyaka enkumi bbiri, naye
n'atasanyukira mu bya bugagga bwe. Bombi tebalaga mu kifo kye kimu?

7 Buli muntu ateganira mumwa gwe,
naye tasobola kukkuta by'alina.
8 Kale omuntu omugezi asinga oyo omusirusiru?
Omwavu bw'amanya okwefuga mu maaso g'abalala,
agasibwa ki?
9 Amaaso kye galaba
kisinga olufulube lw'ebirowoozo.
Era na kino nakyo butaliimu,
na kugoberera mpewo.

10 Buli ekibaawo ky'ateekebwateekebwa dda,
n'omuntu kyali kyamanyibwa,
tewali muntu ayinza kulwana n'oyo amusinza amaanyi,
n'amusobola.
11 Ebigambo gye bikoma obungi,
gye bikoma n'obutabaamu makulu;
kale ekyo kigasa kitya omuntu?

12 Kale ani amanyi ekirungi eri omuntu, mu nnaku ezo entono z'amala
mu bulamu bwe obutaliimu, obuli ng'ekisiikirize? Ani wansi w'enjuba
ayinza okutegeeza ekirimubaako ng'avudde mu bulamu buno?

# 7

*Okulondawo Ekisinga Obulungi*

1 Obwatiikirivu bw'erinnya eddungi businga eby'akawoowo ebirungi;
n'olunaku olw'okufa lusinga olwo olw'okuzaalirwako.
2 Kirungi okulaga mu nnyumba ey'abakungubaga
okusinga okulaga mu nnyumba ey'ebyassava.
Kubanga buli omu wa kufa,
ekyo kiteekwa okuba ku mutima gwa buli muntu.
3 Okunakuwala kusinga okuseka,
kubanga amaaso amanakuwavu gazzaamu omutima amaanyi.
4 Omutima gw'omugezi guba wamu n'abo abali mu nnaku;
naye ogw'omusirusiru guba mu kusanyuka.
5 Kirungi okussaayo omwoyo ku kunenya kw'omuntu ow'amagezi
okusinga okuwuliriza ennyimba z'abasirusiru.

6 Okuseka kw'abasirusiru
kuli ng'okutulikatulika kw'amaggwa agali mu muliro gw'entamu*;
na kino nakyo butaliimu.

7 Kya mazima, okunyigirizibwa kufuula ow'amagezi okuba omusirusiru,
n'enguzi efaafaaganya okutegeera.

8 Enkomerero y'ekintu esinga entandikwa yaakyo,
n'omugumiikiriza asinga ow'amalala.
9 Tosunguwalanga mangu nga waliwo akusokaasoka,
kubanga obusungu bubeera munda y'abasirusiru.

10 Teweebuuzanga nti, "Lwaki ennaku ziri ez'edda zisinga zino?"
Kubanga si kya magezi okwebuuza ekibuuzo ng'ekyo.

11 Amagezi kintu kirungi, okufaanana ng'eky'obugagga ky'obusika,
era kigasa abo abakyalaba enjuba.
12 Amagezi kiwummulo,
ng'ensimbi bwe ziri ekiwummulo,
naye enkizo y'okumanya y'eno:
amagezi gakuuma obulamu bw'oyo agalina.
13 Lowooza ku Katonda ky'akoze:
ani ayinza okugolola ekyo ekyakyama Katonda kye yakola?
14 Ebiseera bwe biba ebirungi, sanyuka;
naye bwe biba ebibi, kirowoozeeko;
Katonda eyakola ekimu
era ye yakola ne kinnaakyo.
Noolwekyo omuntu tayinza kuzuula kirimubaako
mu nnaku ze ez'omu maaso.
15 Mu bulamu bwange buno obutaliimu ndabye bino byombi:
omutuukirivu azikiririra mu butuukirivu bwe,
n'omukozi w'ebibi n'awangaalira mu bibi bye.
16 Teweefuulanga mutuukirivu ayitiridde
wadde okwefuula ow'amagezi ow'ekitalo;
oleme okwezikiriza.
17 Tobanga mwonoonyi kakuzzi
wadde okuba omusirusiru;
oleme okufa ng'ekiseera kyo tekinnatuuka.
18 Ekyo kirungi okiyige, na kiri oleme kukibuusa maaso,
kubanga oyo atya Katonda abyewala okubiyitiriza.

19 Ow'amagezi ne bw'aba omu mu kibuga,
aba w'amaanyi okusinga abakulembeze ekkumi ab'omu kibuga ekyo.

20 Ddala ku nsi tekuli muntu mutuukirivu,
atakola bibi.

21 Towulirizanga buli kigambo, bantu kye boogera,
si kulwa ng'owulira omuweereza wo ng'akukolimira,
22 kubanga naawe okimanyidde ddala mu mutima gwo,

* **7:6** Amaggwa bwe gaba gookebwa, gatulikatulika, ne gavaamu n'omukka, kyokka ebbugumu ly'omuliro gwago tegubugumya bagwota mu biseera eby'obutiti.

ng'emirundi mingi okolimidde abalala.
23 Ebyo byonna nabyekenneenya n'amagezi ne ŋŋamba nti,
"Mmaliridde okuba omugezi,"
wabula kino kyandi wala.
24 Amagezi ne bwe gaba ga kikula ki, gali wala nnyo era tegalojjeka,
kale ani ayinza okugavumbula?
25 Bwe ntyo ne nkyusa omutima gwange nnoonye okutegeera,
nekkanye, era nnoonyereze amagezi ndowooze ne ku bintu nga bwe biri,
n'okutegeera obusirusiru bw'okukola ebibi:
n'eddalu ery'obusirusiru.

26 Ekintu kye nalaba eky'obulabe ekisinga okufa,
ye mukazi alina omutima ogusendasenda,
era ogusikiriza,
era emikono gye gisiba ng'enjegere.
Oyo ayagala Katonda, y'awona omukazi oyo,
kyokka ye omwonoonyi talema kugwa mu mutego gwe.
27 Omubuulizi agamba nti, "Laba, kino kyenvumbudde:
"Okugatta ekintu ku kinnaakyo, okuzuula enkola y'ebintu,
28 bwe nnali nga nkyanoonyereza
nabulako kye nzuula,
okuggyako okulaba omusajja omwesimbu omu mu basajja lukumi,
kyokka mu bakazi bonna ssaalabamu n'omu atuukiridde.
29 Wabula kino kyokka kye nalaba:
Katonda yatonda omuntu nga mugolokofu,
naye abantu ne beenoonyeza ebintu ebirala bingi."

# 8

*Obuwulize eri Abakulembeze*

1 Ani afaanana omuntu omugezi
amanyi okunnyonnyola buli kintu?
Amagezi gaakaayakanyisa obwenyi bw'omuntu,
ne gakyusa emitaafu gyamu.

2 Nkugamba nti gondera ekiragiro kya kabaka, kubanga walayira* mu maaso ga Katonda.

3 Toyanguyiriza kuva mu maaso ga kabaka. Kyokka ensonga bw'ebanga etali ntuufu, tobanga ku ludda lumuwakanya, kubanga ye akola buli ky'ayagala.

4 Kubanga ekigambo kya kabaka kisukkuluma byonna; kale ani ayinza okumubuuza nti, "Okola ki ekyo?"

5 Oyo agondera ekiragiro kye talituukibwako kabi,
omutima ogw'amagezi gulimanya ekiseera ekisaana okukoleramu ekintu gundi, n'engeri ey'okukolamu ekintu ekyo.
6 Kubanga waliwo ekiseera ekituufu n'enkola esaana ku buli kintu,
newaakubadde ng'obuyinike bw'omuntu bumuzitoowerera okukamala.

7 Nga bwe watali muntu amanyi binaabaawo,

* **8:2** Ekirayiro ekyo bwe bweyamo obw'obwesigwa, abaweereza ba kabaka bwe baakolanga eri Katonda.

kale ani ayinza okumutegeeza ebinajja?
8 Tewali muntu alina buyinza kufuga mpewo;
bwe kityo tewali n'omu alina buyinza ku lunaku lwa kufa kwe.
Ng'omuntu bw'aweebwa ebiragiro mu biseera eby'olutalo,
bwe kityo n'obutali butuukirivu bwe buduumira abo ababutambuliramu.
9 Ebyo byonna bye nalaba bwe nagezaako okwekenneenya buli kintu
ekikolebwa wansi w'enjuba. Waliwo ekiseera omufuzi buli lw'abinika
baafuga, kyokka nga yeerumya yekka.
10 Ndabye abantu abakozi b'ebibi nga baziikibwa, abo abaawaanib-
wanga mu kibuga nga bazze mu kifo ekitukuvu. Na kino nakyo butaliimu.
11 Omuntu bw'asalirwa omusango n'atabonererezebwawo, emitima
gy'ababi gijjula kuteekateeka kukola bubi.
12 Newaakubadde ng'omuntu omubi azza emisango kikumi, ate
n'awangaala, nkimanyi ng'abatuukirivu, abo abatya Katonda bijja
kubagendera bulungi.
13 Naye olwokubanga abakozi b'ebibi tebatya Katonda, tebiyinza
kubagendera bulungi, era n'ennaku zaabwe zinaayitanga mangu
ng'ekisiikirize.
14 Waliwo ekintu ekirala ekiraga obutaliimu ekiri ku nsi: abantu
abatuukirivu batukibwako ebyo ebisaanira ababi, ate abatali batuukirivu
ne batuukibwako ebyo ebigwanira abatuukirivu. Kino nakyo nkiyita
butaliimu.
15 Bwe ntyo nteesa nti omuntu yeyagalire mu bulamu: kubanga
wansi w'enjuba tewali kisinga, wabula omuntu okulya n'okunywa
n'okweyagala. Kale essanyu linaamuwerekeranga mu mirimu gye,
ennaku zonna ez'obulamu bwe Katonda bw'amuwadde wansi w'enjuba.
16 Bwe nanoonyereza amagezi ne neetegereza okutegana kw'omuntu ku
nsi kuno, nga teyeebaka emisana n'ekiro.
17 Ne ndaba ebyo byonna Katonda by'akoze, nga tewali n'omu ayinza
kutegeera Katonda by'akola wansi w'enjuba, omuntu ne bw'agezaako
ennyo okukinoonyereza tayinza kukivumbula. Newaakubadde omuntu
omugezi yeefuula nti akimanyi, tayinza kukitegeera.

# 9

*Ekkubo Bonna lye Bakwata*

1 Awo ne ndowooza ku ebyo, ne nzuula ng'omutuukirivu n'omugezi bye
bakola biri mu mukono gwa Katonda; naye tewali muntu n'omu amanyi
obanga kwagalibwa oba kukyayibwa bye bimulindiridde.
2 Omutuukirivu n'omwonoonyi, omulungi n'omubi, omuyonjo
n'omujama, abo abawaayo ssaddaaka n'abo abatagiwaayo bonna gye
bagenda y'emu.
Nga bwe kiri eri omuntu omulungi,
era bwe kiri n'eri omwonoonyi;
Nga bwe kiri eri abo abalayira,
era bwe kiri n'eri abo abatya okulayira.
3 Bonna ekibalindiridde kimu; kano ke kabi akabeera wansi w'enjuba.
Ate emitima gy'abantu mu bulamu buno giraluse gijjudde ebibi,
bayaayaanira buli kimu; n'oluvannyuma ne bakka emagombe eri ban-
naabwe.
4 Naye omuntu omulamu aba n'essuubi, wadde embwa ennamu esinga
empologoma enfu!

5 Kubanga buli kiramu kimanya nga kya kufa,
naye abafu tebaliiko kye bamanyi:
tebakyagasa
wadde okujjukirwa.
6 Okwagala kwabwe, n'obukyayi bwabwe,
n'obuggya bwabwe nga bizikiridde;
nga tebakyetaba mu ebyo byonna
ebikolebwa wansi w'enjuba.

7 Genda olye emmere yo ng'osanyuka, onywe ne wayini wo nga
weeyagala; kubanga Katonda asiimye ky'okola.

8 Yambalanga engoye ennyonjo*, era weesiigenga n'ebyakaloosa.

9 Ssanyukanga ne mukyala wo gw'oyagala ennaku zo zonna, mu bulamu
buno obutaliimu, Katonda bw'akuwadde wansi w'enjuba, kubanga ekyo
gwe mugabo gwo mu kutegana kwo kw'oteganamu wansi w'enjuba.

10 Buli omukono gwo kye gugenda okukola, kikole n'amaanyi go gonna;
kubanga teri mulimu wadde okulowooza, oba okutegeera wadde amagezi
emagombe gy'olaga.

11 Ate nalaba nga wansi w'enjuba,
ng'ow'embiro ennyingi si y'awangula mu mpaka,
era ne kirimaanyi si y'awangula olutalo,
ng'ate bakalimagezi bonna si be baatiikirira;
wabula ng'omukisa gukwata bukwasi oyo
aba aliwo mu kifo ekituufu ne mu kiseera ekituufu.
12 Kubanga omuntu tamanya kinaamubaako.
Ng'ekyenyanja bwe kikwatibwa mu muyonjo,
oba ennyonyi nga bw'egwa ku mutego,
n'abaana b'omuntu bwe batyo bwe beesanga mu biseera eby'akabi,
ebibatuukako nga tebabyetegekedde.

13 Era ekirala kye nalaba ekyampuniikiriza ennyo kye kino:

14 waaliwo akabuga nga kalimu abantu batono ddala, kabaka
ow'amaanyi n'ajja n'akazingiza n'akazimbako ekigo ekinene.

15 Mu kabuga ako mwalimu omusajja omugezi, omwavu, ng'amanyi
eky'okukola okuwonya akabuga ako, bw'atyo mu magezi ge ne ka-
nunulwa. Naye nno ne wabulawo amujjukira.

16 Awo ne ndaba nti newaakubadde ng'amagezi gasinga amaanyi, naye
ow'amagezi bw'aba omwavu, anyoomebwa, ne ky'ayogera tekissibwako
mwoyo.

17 Naye ne bwe kiba kityo, ebigambo eby'ekimpowooze ebiva mu kamwa
k'omugezi bissibwako omwoyo,
okusinga okuleekaana kw'omufuzi w'abasirusiru.
18 Amagezi gasinga ebyokulwanyisa mu lutalo,
naye omwonoonyi omu azikiriza ebirungi bingi.

# 10

*Omugezi n'Omusirusiru*

1 Nga ensowera enfu bwe zoonoona akaloosa akawunya obulungi,
bwe katyo akasobyo akatono bwe koonoona amagezi n'ekitiibwa.
2 Omutima gw'omuntu ow'amagezi gumukozesa ekituufu,
naye ogw'omusirusiru gumutwala kukola bitasaana.

---

* **9:8** Okwambala engoye ennyonjo nga njeru n'okwesiiga amafuta, y'engeri Abayudaaya gye baakuumangamu ennaku zaabwe enkulu.

3 Ne bw'aba ng'atambula,
amanyibwa nga talina magezi,
era buli amulaba agamba nti musirusiru.
4 MUKAMA wo bw'akunyiigiranga,
tomulaganga busungu;
okuddamu n'eggonjebwa kukyusa ekiruyi.

5 Ekibi ekirala kye nalaba,
kye kikwata ku nsobi y'omufuzi:
6 nalaba ng'abasirusiru baweebwa ebifo ebisava,
naye ng'abagagga bo baweebwa ebyo ebya wansi.
7 Ate nalaba ng'abaddu beebagala embalaasi,
songa abalangira batambuza bigere ng'abaddu.

8 Asima ekinnya alikigwamu,
n'oyo amenya ekisenge omusota gulimubojja.
9 Oyo ayasa amayinja gamulumya,
n'oyo ayasa enku zimulumya.

10 Embazzi bwe tebaako bwogi,
n'etewagalwa,
agitemya ateekwa okufuba ennyo,
naye obumanyirivu bwe buwangula.

11 Omusota bwe guluma nga tegunnakola bya bufuusa,
omufuusa talina kyafunamu.

12 Ebigambo ebiva mu kamwa k'omuntu ow'amagezi bya muwendo nnyo
eri abo ababiwulira,
naye akamwa k'omusirusiru kamusuula mu ntata.
13 Entandikwa y'ebigambo bye nga temuli nsa,
ne ku nkomerero yaabyo biba mususa.
14 Omusirusiru asavuwaza ebigambo.

Tewali amanyi birijja,
kale ani asobola okumubuulira ebiribaawo oluvannyuma lwe?

15 Omusirusiru aterebuka mangu olw'ekitamugendedde bulungi,
n'abulwa n'ekkubo erimutwala mu kibuga.

16 Zikusanze gw'ensi kabaka bw'aba nga yali muddu,
nga n'abalangira bakeera kwetamiirira!
17 Olina omukisa gw'ensi kabaka wo bw'aba nga wa lulyo lulangira,
ate nga n'abalangira bo bamanyi ekiseera eky'okuliiramu,
olw'okufuna amaanyi so si lwa kutamiira.

18 Obugayaavu buleetera akasolya k'ennyumba okutonnya,
n'emikono egitayagala kukola gireetera ennyumba okutonnya.

19 Ekijjulo kikolebwa lwa kusanyuka,
ne wayini yeeyagaza obulamu,
naye ensimbi y'esobola byonna.

20 Tokolimira kabaka mu mutima gwo
newaakubadde okukolimira omugagga mu kisenge kyo,
kubanga ennyonyi ey'omu bbanga eyinza okwetikka ebigambo byo
nga biwandiikiddwa ku biwaawaatiro byayo n'ebibatuusaako.

# 11

*Bw'ogaba Katonda Akuddizaawo*

1 Siganga emmere yo ng'enkuba etonnya,
kubanga ebbanga lyayo bwe lirituuka olikungula.
2 Gabiranga musanvu weewaawo munaana,
kubanga mu biseera eby'oluvannyuma oyinza okubeera mu kwetaaga.

3 Ebire bwe bijjula amazzi,
bitonnyesa enkuba ku nsi;
n'omuti bwe gugwa nga gwolekedde obukiikaddyo oba obukiikakkono,
mu kifo mwe gugwa mwe gulibeera.
4 Oyo alabirira embuyaga talisiga;
n'oyo atunuulira ebire talikungula.

5 Nga bw'otosobola kutegeera kkubo mpewo,
oba omubiri nga bwe guzimbibwa ku mwana ali mu lubuto;
bw'otyo bw'otosobola kutegeera Katonda
Omutonzi wa byonna by'akola.

6 Ku makya siga ensigo zo,
n'akawungeezi toddiriza mukono gwo;
kubanga tomanyi eziryala,
zino oba ziri,
oba zombi ziriba nnungi.
7 Ekitangaala kirungi,
era okulaba ku musana kisanyusa.
8 Kale omuntu bw'awangaala emyaka emingi,
agisanyukirengamu gyonna,
naye ajjukirenga nti waliwo ennaku ez'ekizikiza
nnyingi ezijja.
Ebyo byonna ebijja butaliimu.

9 Omuvubuka sanyukiranga mu buvubuka bwo,
n'omutima gwo gusanyukenga mu nnaku ez'obuvubuka bwo;
tambulira mu makubo g'omutima gwo
ne mu kulaba kw'amaaso go.
Naye manya nga mu byonna,
Katonda agenda kukusalira omusango.
10 Noolwekyo ggyawo okweraliikirira mu mutima
era weggyeko emitawaana mu ggwe,
kubanga obuvubuka n'amaanyi gaabwe butaliimu.

# 12

*Ennaku ze Tumala ku Nsi*

1 Jjukiranga omutonzi wo mu nnaku ez'obuvubuka bwo,
ng'ennaku embi tezinnakutuukako
n'emyaka nga teginnasembera,

mw’olyogerera nti, “Sizisanyukira”;
2 ng’enjuba n’obutangaavu,
omwezi n’emmunyeenye nga tebinnafuuka kizikiza;
nga n’ebire biweddemu enkuba;
3 abakuumi b’enju mwe balikankanira,
n’abasajja ab’amaanyi mwe bakutamizibwa,
nga n’abo abasa baleseeyo okusa, kubanga batono,
n’abo abalingiza mu butuli nga tebakyalaba;
4 nga n’enzigi ez’olekedde enguudo zigaddwawo,
n’eddoboozi ly’okusa nga livumbedde;
ng’abasajja bagolokoka olw’eddoboozi ly’ennyonyi,
naye nga ennyimba zaabwe zivumbedde;
5 nga batya buli kiwanvu
n’akabi akali mu nguudo,
ng’omubira gumulisizza,
ng’enseenene yeewalula era nga tewakyali alimu keetaaga kino oba kiri.
Omuntu n’agenda mu nnyumba ye gy’alimala ekiseera ekiwanvu
n’abakungubazi ne babuna enguudo.

6 Jjukira omutonzi wo ng’omuguwa gwa ffeeza tegunnakutuka
oba ebbakuli eya zaabu nga tennayatika,
ng’ensuwa tennayatikira ku luzzi
obanga ne nnamuziga tennamenyekera ku luzzi,
7 ng’enfuufu edda mu ttaka mwe yava,
n’omwoyo ne gudda eri Katonda eyaguwa omuntu.

8 Obutaliimu! Obutaliimu! Omubuulizi bw’agamba,
“Buli kintu butaliimu.”

### *Ebikomererayo*

9 Omubuulizi teyali mugezi kyokka, wabula yayigiriza n’abantu eby’amagezi. Yalowooza n’anoonyereza n’ayiiyaayo engero nnyingi.
10 Omubuulizi yanoonyereza n’afuna ebigambo ebituufu byennyini, ne bye yawandiika byali byesimbu era nga bya mazima.
11 Ebigambo by’abantu abagezi biri ng’emiwunda, engero zino ezakuŋŋaanyizibwa omusumba omu ziri ng’emisumaali egyakomererwa ne ginywezebwa ennyo.
12 Mwana wange weekuume ekintu kyonna ekyongerwako.
Okuwandiika ebitabo ebingi tekukoma, n’okuyiga okungi kukooya omubiri.
13 Kale byonna biwuliddwa;
eno y’enkomerero yaabyo:
Tyanga Katonda okwatenga amateeka ge,
kubanga ekyo omuntu ky’agwanira okukola.
14 Kubanga Katonda alisala omusango olwa buli kikolwa;
ekyo ekyakwekebwa,
nga kirungi oba nga kibi.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Oluyimba

1 Oluyimba lwa Sulemaani olusinga ennyimba zonna.
*Omwagalwa*
2 Leka annywegere n'emimwa gye
kubanga okwagala kwo kusinga envinnyo,
3 n'amafuta go gawunya akaloosa akalungi;
erinnya lyo liri ng'amafuta agattululwa,
era abawala kyebava bakwagala.
4 Baako ne gy'ontwala, yanguwa!
Kabaka ansembezezza kumpi nnyo antutte mu bisenge bye.
*Abemikwano*
Tunaasanyuka ne tukujagulizaamu;
era tunaatendereza okwagala kwo okusinga envinnyo.
*Omwagalwa*
Nga batuufu okukwegomba!

5 Ndi muddugavu, ndi mulungi,
Mmwe abawala ba Yerusaalemi
muli ng'eweema ez'e Kedali,*
era ng'entimbe za Sulemaani.
6 Temuntunuulira kubanga ndi muddugavu,
olw'okuba omusana gunjokezza.
Batabani ba mmange baansunguwalira;
ne bandagira okukuuma ennimiro ez'emizabbibu.
Ennimiro yange ngigayaaliridde.
7 Ntegeeza ggwe gwe njagala, gy'oliisiza ekisibo kyo,
ne gy'owumuliza endiga zo mu ssaawa ez'omu ttuntu.
Lwaki mbeera ng'omukazi eyeebisse amaaso
nga nninaanye ebisibo eby'abanywanyi bo?
*Abemikwano*
8 Bw'oba nga tomanyi, ggwe omukyala asinga bonna obulungi,
goberera ekkubo endiga lye zikutte,
ogende oliisize embuzi zo ento,
okumpi n'eweema z'abasumba.
*Owoomukwano*
9 Omwagalwa wange,
nkugeraageranya n'embalaasi esika amagaali ga Falaawo.
10 Amatama go galabika bulungi ng'oyambadde ebikomo eby'oku matu,
n'ensingo yo nerabika bulungi ng'erimu eby'omu bulago eby'omuwendo.
11 Tunaakukolera eby'oku matu ebya zaabu,
nga birina amapeesa aga ffeeza.
*Omwagalwa*
12 Kabaka bwe yali ng'atudde ku mmeeza ye,
akawoowo kange ne kamuwunyira bulungi.

* **1:5** Abantu b'e Kedali baali Bawalabu abaabeeranga mu bukiikaddyo obw'obuvanjuba wa Edomu. Baabeeranga mu weema ze baakolanga mu maliba g'embuzi enzirugavu.

13 Muganzi wange ali ng'ensawo eya kaloosa aka mooli† gye ndi,
ng'awummulidde mu kifuba kyange.
14 Muganzi wange ali ng'ekiganda eky'ebimuli ebya kofera‡
ebivudde mu nnimiro ez'emizabbibu ez'e Engedi.§
*Owoomukwano*
15 Laba, oli mubalagavu, omwagalwa wange
oli mubalagavu olabika bulungi.
Amaaso go mayiba.
*Omwagalwa*
16 Olabika bulungi muganzi wange,
era onsanyusa.
Ekitanda kyaffe kya muddo muto.
*Owoomukwano*
17 Emikiikiro gy'ennyumba yaffe mivule,
n'enzooba zaffe nkanaga.

## 2

1 Ndi kimuli kya looza ekya Saloni,*
eddanga ery'omu biwonvu.
*Owoomukwano*
2 Ng'eddanga mu maggwa,
gwe njagala ennyo bw'ali bw'atyo mu baweereza abakazi.
*Omwagalwa*
3 Ng'omucungwa mu miti egy'omu kibira,
aŋŋanza bw'ali bw'atyo mu bavubuka.
Neesiima okutuula mu kisiikirize kye,
n'ekibala kye kimpomera.
4 Yantwala ku kijjulo,
n'okwagala kwe ne ku mmaamira.
5 Munzizeemu amaanyi n'ezabbibu enkalu,
mumbuddeebudde n'emicungwa
kubanga okwagala kunzirisizza.
6 Omukono gwe ogwa kkono guli wansi wa mutwe gwange,
n'omukono gwe ogwa ddyo gumpambatira.
7 Mmwe abawala ba Yerusaalemi, mbakuutira,
ng'empeewo n'enjaza ez'omu ttale,
temusisimula newaakubadde okuzuukusa okwagala
okutuusa nga kweyagalidde.

8 Wuliriza omwagalwa wange,
Laba, ajja
ng'abuukirabuukira ku nsozi,
ng'azinira ku busozi.
9 Omwagalwa wange ali ng'empeewo oba ennangaazi ento.
Laba ayimiridde emabega w'olukomera lwaffe,
Alingiza mu madirisa,

---

† **1:13** Mooli kaloosa kalungi nnyo akakolebwa okuva mu balusamu nga kasangibwa mu Esiyopya, ne mu Buyindi, ne mu nsi za Buwalabu. Mooli yakozesebwanga ng'obuwoowo mu biseera ebyo ‡ **1:14** Kofera kimuli ky'akaloosa kalungi, era kikolebwamu obuwoowo. § **1:14** Engedi nsulo y'amazzi esangibwa ku luuyi olw'obugwanjuba bw'Ennyanja ey'Omunnyo, era we luli wamerawo ebimera ebyakaloosa bingi. * **2:1** Ekimuli kya Looza ekya Saloni kimera ekisangibwa mu nsenyi z'omu bukiikaddyo bwa Kalumeeri.

alabikira mu mulimu ogulukibwa ogw'omu ddirisa.
10 Omwagalwa wange yaŋŋamba nti,
"Golokoka, Owoomukwano,
omulungi wange, ojje tugende,
11 kubanga laba ttoggo aweddeko,
n'enkuba eweddeyo.
12 Ebimuli bimulisizza,
n'ebiro eby'okuyimba bituuse,
era n'okukaaba kw'amayiba
kuwulirwa mu nsi.
13 Omutiini† gubala ettiini zaagwo,
n'emizabbibu gimulisizza ne gibunya akawoowo kaagyo.
Golokoka Owoomukwano,
omulungi wange ojje tugende."

*Owoomukwano*

14 Ggwe ejjiba lyange, eribeera mu njatika ez'omu njazi,
mu bwekwekero obw'amayinja,
ndaga amaaso go,
ka mpulire eddoboozi lyo,
kubanga eddoboozi lyo ddungi nnyo,
n'amaaso go gasanyusa.
15 Tukwatire ebibe,
obube obutono,
obwonoona ennimiro ez'emizabbibu,
kubanga ennimiro zaffe ez'emizabbibu zimulisizza.

*Omwagalwa*

16 Muganzi wange, wange nzekka, era nange ndi wuwe;
aliisiza ekisibo kye mu malanga,
17 okutuusa obudde nga bukedde
n'ebisiikirize nga biddukidde ddala;
okyuke omwagalwa wange obe ng'empeewo
oba ennangaazi ento ku busozi obw'e Beseri.

# 3

1 Ekiro kyonna nga ndi ku kitanda kyange,
nalindirira emmeeme yange gw'eyagala,
ne munoonya naye saamulaba.
2 Nnaagolokoka ne ntambulatambulako mu kibuga,
mu nguudo ne mu bifo ebigazi;
nanoonya emmeeme yange gw'eyagala,
ne nnindirira naye saamulaba.
3 Abakuumi b'ekibuga
abaali balawuna mu kibuga, ne bansisinkana, ne mbabuuza nti,
"Mundabidde ku oyo emmeeme yange gw'eyagala?"
4 Twali twakayisiŋŋanya,
ne ndaba oyo emmeeme yange gw'eyagala.
Ne munnywegera ne simuganya kugenda,
okutuusa lwe namuleeta mu nnyumba ya mmange,
ne mutwala mu kisenge ky'oyo eyanzaala.
5 Mbakuutira mmwe abawala ba Yerusaalemi,
ng'empeewo n'enjaza ez'oku ttale,

† **2:13** Emitiini mu Isirayiri gibala emirundi ebiri mu mwaka. Amakungula agasinga galingawo mu biseera ebya ttoggo

temusisimula newaakubadde okuzuukusa okwagala
okutuusa nga kwesiimidde.

6 Ani oyo ajja ng'ava mu ddungu,
afaanana ng'empagi ey'omukka,
asaabye ebyakaloosa ebya mooli n'omugavu,
okuva mu byakaloosa byonna eby'omusuubuzi?
7 Laba, kye kigaali kya Sulemaani,
ekiwerekeddwako abasajja ab'amaanyi nga nkaaga,
abalwanyi abazira abasingayo mu Isirayiri,
8 bonna balina ebitala,
era bamanyirivu mu kulwana;
buli omu n'ekitala kye mu kiwato kye,
nga beetegekedde entiisa ey'ekiro.
9 Kabaka Sulemaani yeekolera ekigaali
eky'emiti egy'omu Lebanooni.
10 Empagi zaakyo yazisiigako ffeeza,
ne wansi waakyo nga wa zaabu,
n'entebe yaamu ng'eriko olugoye lwa ffulungu;
ne munda nga mwaliire bulungi n'okwagala,
okw'abawala ba Yerusaalemi.
11 Mufulume, mmwe abawala ba Sayuuni,
mulabe ku Kabaka Sulemaani ng'ayambadde engule,
engule nnyina gye yamutikkira
ku lunaku olw'embaga ye,
ku lunaku omutima gwe kwe gwasanyukira.

# 4

*Owoomukwano*

1 Ng'olabika bulungi, gwe njagala, laba ondabikidde bulungi.
Amaaso go mayiba mu lugoye mw'ogabisse.
Enviiri zo ziri ng'eggana ly'embuzi
eziserengeta okuva ku lusozi Gireyaadi.
2 Amannyo go gali ng'ekisibo ky'endiga nga kye zijje zisalibweko ebyoya,
nga ziva okunaazibwa.
Buli emu nnongo eri n'ennongo ginnaayo,
so tewali eri yokka.
3 Emimwa gyo giri ng'ewuzi ey'olugoye olutwakaavu;
n'akamwa ko kandabikira bulungi.
Amatama go mu lugoye lw'ogabisseeko
gali ng'ekitundu ky'ekkomamawanga.*
4 Ensingo yo eri ng'omulongooti gwa Dawudi,
ogwatereezebwa obulungi;
ne ku gwo nga kuliko engabo lukumi,
zonna nga ngabo z'abasajja abalwanyi.
5 Amabeere go gombi gali ng'abaana b'empeewo,
ab'empeewo, nga balongo,
abaliira mu malanga.
6 Okutuusa obudde nga bukedde,
n'ebisiikirize nga biweddewo,
ndigenda ku lusozi olunene olwa mooli

* **4:3** Amakomamawanga mamyufu

ne ku kasozi ak'omugavu.
7 Ng'olabika bulungi wenna, omwagalwa wange,
toliiko bbala na limu.

8 Jjangu tuve mu Lebanooni, omugole wange,
jjangu tuve mu Lebanooni.
Lengera okuva ku ntikko ya Amana,
n'okuva ku ntikko ya Seniri ne ku ntikko ya Kerumooni,
n'okuva mu mpuku ey'empologoma,
ne ku nsozi ez'engo.
9 Osenzesenze omutima gwange,
mwannyinaze, omugole wange;
otutte omutima gwange, ne munye y'eriiso lyo gy'onkubye,
n'omukuufu ogumu ogw'omu bulago bwo.
10 Ng'okwagala kwo kulungi mwannyinaze, omugole wange,
okwagala kwo nga kusinga nnyo envinnyo,
n'akawoowo ak'amafuta go kasinga eby'akawoowo eby'engeri zonna obulungi.
11 Emimwa gyo gitonnya obuwoomi ng'ebisenge eby'omubisi gw'enjuki, omugole wange;
amata n'omubisi gw'enjuki biri wansi w'olulimi lwo.
Akaloosa ak'ebyambalo byo kali ng'akawoowo ak'e Lebanooni.
12 Oli nnimiro eyasimbibwa, mwannyinaze, omugole wange,
era oli luzzi olwasibibwa[†], ensulo eyateekebwako akabonero.
13 Ebimera byo nnimiro ya mikomamawanga,
erina ebibala byonna eby'omuwendo,
ne kofera n'emiti egy'omugavu
14 n'omugavu ne kalikomu,
ne kalamo ne kinamoni,
n'emiti egy'ebika by'omugavu byonna,
ne mooli ne alowe,
wamu n'eby'akawoowo byonna ebisinga obulungi.
15 Oli nsulo ya nnimiro,
oluzzi olw'amazzi amalamu,
olukulukuta okuva mu Lebanooni.[‡]

*Omwagalwa*

16 Zuukuka gwe empewo ey'obukiikakkono,
naawe empewo ey'obukiikaddyo jjangu.[§]
Mukuntire ku nnimiro yange,
akaloosa, kaayo akalungi kasaasaane wonna,
Muleke muganzi wange ajje mu nnimiro ye,
alye ebibala byamu eby'omuwendo.

# 5

*Owoomukwano*

1 Nzize mu nnimiro yange mwannyinaze, omugole wange;
nkuŋŋaanyiza mooli yange n'eby'akawoowo byange.

---

[†] **4:12** Enzizi zaasibibwanga okukuuma amazzi gaamu nga mayonjo. [‡] **4:15** Ku ntikko y'Olusozi lwa Lebanooni lwalingako omuzira, ng'eyo amazzi gye gava ne gakola emigga egikulukuta amazzi agatakalira [§] **4:16** Empewo ey'obukiikakkono ereeta obunnyogovu era ereka ebibala biramu bulungi. Empewo ey'obukiikaddyo ereeta kibuguumirize, era eyengeza ebibala. Empewo ez'engeri zombi zireeta akawoowo akalungi mu nnimiro

Ndidde ebisenge byange eby'omubisi gw'enjuki gwange ne nywa
n'omubisi gwange,
Nywedde wayini wange n'amata gange.
*Abemikwano*
Abemikwano mulye munywe, munywere ddala, mmwe abaagalana.
*Omwagalwa*
2 Nnali ngalamidde, ng'omutima gwange guwulira.
Ne mpulira muganzi wange ng'akonkona, n'ayogera nti,
"Nziguliraawo mwannyinaze, Owoomukwano, ejjiba lyange,
owe wange ataliiko bbala,
kubanga omutwe gwange gutobye omusulo,
n'enviiri zange zibisiwadde olw'obunnyogovu."
3 Nziggyeko ekkooti yange,
nnaagyambala ntya nate?
Nanaabye ebigere,
nnaddayo ntya mu ttaka gye binaddugalira?
4 Muganzi wange bwe yakwata ku munyolo,
omutima gwange ne gubuukabuuka.
5 Ne ngolokoka okuggulirawo muganzi wange,
emikono gyange nga gitonnya mooli,
n'engalo zange nga zikulukuta mooli,
ku minyolo gy'ekufulu.
6 Ne ŋŋenda okuggulirawo muganzi wange,
naye muganzi wange ng'avuddewo,
yeetambulidde.
Omutima gwange gwasanyuka bwe nnawulira eddoboozi lye.
Ne munoonya naye n'ambula, ne mukoowoola naye nga taddamu.
7 Abakuumi baansanga
bwe baali nga balawuna mu kibuga;
baankuba, ne bandeetako ebinuubule,
ne batwala n'ekyambalo kyange,
abasajja abo abakuuma bbugwe.
8 Mmwe abawala ba Yerusaalemi,
mbakuutira nti bwe mulaba ku muganzi wange,
mumutegeeze ng'okwagala kwange
gy'ali bwe kunzita.
*Abemikwano*
9 Owange, kiki muganzi wo ky'alina
kyasinza abalungi abalala ggwe omukazi akira abalala obulungi?
Kiki muganzi wo kyasinza abalala
n'okutukuutira n'otukuutira bw'otyo?
*Omwagalwa*
10 Muganzi wange alabika bulungi nnyo era mumyufu,
atabula ne mu bantu omutwalo.
11 Omutwe gwe gwa zaabu ennongoose ennyo;
n'enviiri ze zirimu amayengo,
era nzirugavu nga nnamuŋŋoona.
12 Amaaso ge gali ng'amayiba
ku mabbali g'emigga egy'amazzi,
agaanaazibwa n'amata,
ne gaba ng'amayinja ag'omuwendo omungi.
13 Amatama ge gali ng'emisiri egy'obuwoowo,
obuleeta akaloosa akalungi.

Emimwa gye giri ng'amalanga
agakulukuta mooli.
14 Emikono gye giri ng'emitayimbwa egya zaabu
egiteekebwamu amayinja ag'omuwendo.
Omubiri gwe guli ng'amasanga
amayooyote agatoneddwa ne safiro.
15 Amagulu ge gali ng'empagi ez'amayinja aganyirira
ezisimbibwa mu zaabu ennungi.
Mu ndabika afaanana Lebanooni
omulungi ng'emivule gyayo.
16 Enjogera ye mpomerevu,
weewaawo awamu n'ebyo byonna ayagalibwa.
Ono ye muganzi wange, ye mukwano gwange;
mmwe abawala ba Yerusaalemi.

# 6

*Abemikwano*

1 Muganzi wo alaze wa,
ggwe akira abakyala bonna obulungi?
Muganzi wo yakutte lya wa
tumukunoonyezeeko?

*Omwagalwa*

2 Muganzi wange aserengese mu nnimiro ye,
mu misiri egy'ebirime ebyakaloosa,
okulabirira ennimiro ye
n'okunoga amalanga.
3 Muganzi wange, wange, nange ndi wuwe;
anoonyeza mu malanga.

*Owoomukwano*

4 Oli mubalagavu nga Tiruza,*
omwagalwa wange, omulungi nga Yerusaalemi,
era ow'ekitiibwa ng'eggye eririna ebendera.
5 Tontunuulira nnyo
kubanga amaaso go gantawanya.
Enviiri zo ziri ng'ekisibo eky'embuzi,
eziserengeta okuva e Gireyaadi.
6 Amannyo go gali ng'ekisibo eky'endiga
eziva okunaazibwa;
buli emu nnongo eri n'ennongo ginnaayo,
so tewali eri yokka.
7 Obwenyi bwo bw'obisse mu lugoye,
buli ng'ebitundu by'amakomamawanga.
8 Ne bwe walibeerawo bakabaka abakazi nkaaga,
n'abazaana kinaana,
n'abawala embeerera abatamanyiddwa muwendo,
9 ejjiba lyange, owange ataliiko bbala, ow'enjawulo,
mwana muwala eyazaalibwa yekka, ayagalibwa ennyo nnyina
okusinga abalala, y'ansingira mu bonna.
Abawala baamulaba ne bamuyita wa mukisa;

* **6:4** Tiruza kyali kibuga kya dda mu Kanani ekyalondebwa Yerobowaamu mu 930-909 BC okuba ekibuga ekikulu eky'Obwakabaka bw'omu Bukiikakkono

bakabaka abakazi n’abazaana baamutenda.
*Abemikwano*
10 Ani ono alabika ng’emmambya,
omulungi ng’omwezi, atangalijja ng’enjuba,
alina ekitiibwa ng’eky’emunnyeenye?
*Owoomukwano*
11 Naserengeta mu nnimiro ey’emiti egy’ensigo okwetegereza
okumulisa okw’ebimera eby’omu kiwonvu,
okulaba omuzabbibu obanga gwamulisa,
n’okulaba emikomamawanga oba nga gyamera.
12 Bwe nnali nkyali awo
emmeeme yange n’egenda eri amagaali ag’obwakabaka ag’omu bantu bange.
*Abemikwano*
13 Komawo, Komawo, ggwe Omusulamu;
komawo, komawo tukutunuleko.
*Owoomukwano*
Lwaki mutunuulira Omusulamu
ng’abali ku mazina ga Makanayimu?

# 7

1 Ebigere byo nga birabika bulungi mu ngatto,
ggwe omumbejja!
Amagulu go gali ng’amayinja ag’omuwendo,
omulimu gw’omuweesi omukalabakalaba.
2 Ekkundi lyo kibya kyekulungirivu,
ekitaggwaamu nvinnyo entabule obulungi.
Ekiwato kyo ntuumu ya ŋŋaano
eyeetooloddwa amalanga.
3 Amabeere go gali ng’abaana b’empeewo,
abalongo.
4 Ensingo yo eri ng’omunaala ogw’amasanga.
Amaaso go gali ng’ebidiba eby’omu Kesuboni
ebiri ku mulyango ogw’e Basulabbimu.
Ennyindo yo eri ng’omulongooti ogw’e Lebanooni
ogwolekera Ddamasiko.
5 Omutwe gwo gukuwoomera ng’olusozi Kalumeeri,
n’enviiri zo ziranga emiguwa egy’effulungu;
Kabaka asendebwasendebwa ebintu byakwo.
6 Ng’olabika bulungi, ng’osanyusa
ggwe omwagalwa n’obulungi bwo.
7 Oli muwanvu ng’olukindu,
n’amabeere go gali ng’ebirimba eby’ebibala byakwo.
8 Nayogera nti, “Ndirinnya olukindu,
era ndikwata ebibala byalwo.”
Amabeere go gabeere ng’ebirimba eby’oku muzabbibu,
n’akawoowo ak’omu kamwa ko ng’ebibala eby’omucungwa
9 n’akamwa ko nga nvinnyo esinga obulungi.
*Omwagalwa*
Ne wayini amirwe bulungi muganzi wange,
ng’akulukuta mpola mpola ku mimwa gy’abo abeebase.
10 Ndi wa muganzi wange,
era naye anjagala nnyo.

11 Jjangu, muganzi wange tugende ebweru w’ekibuga,
tusuleko mu byalo.
12 Tukeere tugende mu nnimiro z’emizabbibu,
tulabe obanga emizabbibu gimulisizza,
obanga n’ebimuli byagwo byanjuluzza,
obanga n’emikomamawanga gimulisizza,
era eyo gye nnaakulagira okwagala kwange.
13 Amadudayimu* gawunya akawoowo,
ne ku miryango gyaffe waliwo ebibala ebisinga obulungi,
Ebyakanogebwa awamu n’ebikadde,
bye nkuterekedde muganzi wange.

# 8

1 Singa wali muganda wange eyakuzibwa mmange
era eyayonka amabeere ga mmange,
nandikusanze ebweru
nandikunywegedde
ne wataba n’omu annyooma.
2 Nandikukulembedde
ne nkuleeta mu nnyumba ya mmange,
oyo eyangigiriza.
Nandikuwadde wayini okunywa ng’alimu ebyakaloosa,
omubisi ogw’amakomamawanga gange.
3 Omukono gwe ogwa kkono guli wansi wa mutwe gwange
n’omukono gwe ogwa ddyo gumpambaatira.
4 Mmwe abawala ba Yerusaalemi mbakuutira,
temusiikuula newaakubadde okuzuukusa okwagala
okutuusa ng’ekiseera ekituufu kituuse.
*Abemikwano*
5 Ani oyo gwe tulengera ng’ava mu ddungu
nga yeesigamye muganzi we?
*Omwagalwa*
Nakuzuukusa ng’oli wansi w’omuti ogw’omucungwa.
Eyo maama wo gye yafunira olubuto era eyo
maama wo gye yakuzaalira mu bulumi obungi.
6 Nteeka ng’akabonero ku mutima gwo,
era ng’akabonero ku mukono gwo,
kubanga okwagala kwa maanyi ng’okufa,
obuggya bwakwo buli ng’obusungu obw’emagombe.
Kwaka ng’ennimi ez’omuliro,
omuliro ogwaka n’amaanyi ennyo.
7 Amazzi amangi tegamalaawo nnyonta ya kwagala
n’emigga tegiyinza kukumalawo.
Singa omuntu awaayo
obugagga bwe bwonna obw’ennyumba ye okufuna okwagala,
asekererwa nnyo.
*Abemikwano*
8 Tulina muto waffe
atannamera mabeere,
naye tulikola tutya
bw’alituuka okwogerezebwa?

* **7:13** Amadudayimu gayamba mu by’okuzaala

9 Singa abadde bbugwe
twandimuzimbyeko eminaala egya ffeeza,
singa abadde luggi
twandimuggalidde na mivule.

*Omwagalwa*

10 Ndi bbugwe
era n'amabeere gange gali ng'ekitikkiro,
noolwekyo mu maaso ge,
mmufuukidde aleeta emirembe.
11 Sulemaani yalina ennimiro y'emizabbibu e Baaluka Kamooni,
n'agisigira abalimi.
Buli omu ku bo yamusalira
ebitundu bya ffeeza lukumi.
12 Ennimiro yange ey'emizabbibu, yange,
ebitundu olukumi bibyo ggwe Sulemaani,
ebitundu ebikumi bibiri by'abo abalabirira ennimiro.

*Owoomukwano*

13 Ggwe abeera mu nnimiro
ne mikwano gyo nga weebali,
ka mpulire eddoboozi lyo.

*Omwagalwa*

14 Yanguwa okuvaayo eyo,
odduke mangu ng'empeewo
oba ng'ennangaazi ento,
oddukire ku nsozi ezijjudde ebyakaloosa.

# Ekitabo Ekiyitibwa Isaaya

1 Okwolesebwa kwa Isaaya, mutabani wa Amozi, kwe yafuna okukwata
ku Yuda ne Yerusaalemi mu bufuzi bwa Uzziya, ne Yosamu, ne Akazi ne
Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda.

*Eggwanga Ejjeemu*

2 Wulira ggwe eggulu, mpuliriza ggwe ensi,
kubanga bw'ati MUKAMA bw'ayogera nti,
"Nayonsa ne ndera abaana
naye ne banjeemera.
3 Ente emanya nannyini yo
n'endogoyi emanya ekisibo kya mukama waayo,
naye Isirayiri tammanyi,
abantu bange tebantegeera."

4 Woowe! Eggwanga erijjudde ebibi,
abantu abajjudde obutali butuukirivu,
ezzadde eryabakola ebibi,
abaana aboonoonyi!
Balese MUKAMA
banyoomye Omutukuvu wa Isirayiri,
basenguse bamuvuddeko bamukubye amabega.

5 Lwaki mweyongera okujeema?
Mwagala mwongere okubonerezebwa?
Omutwe gwonna mulwadde,
n'omutima gwonna gunafuye.
6 Okuva mu mala g'ekigere okutuuka ku mutwe
temuli bulamu
wabula ebiwundu, n'okuzimba,
n'amabwa agatiiriika amasira
agatanyigibwanga, okusibibwa,
wadde okuteekebwako eddagala.

7 Ensi yammwe esigadde matongo,
ebibuga byammwe byokeddwa omuliro,
nga nammwe bennyini mulaba.
Bannamawanga* balidde ensi yammwe,
era ezise kubanga bannaggwanga bagisudde.
8 Omuwala wa Sayuuni alekeddwa
ng'ensiisira esigadde mu nnimiro y'emizabbibu,
ng'ekiwummulirwamu mu nnimiro y'emyungu†,
ng'ekibuga ekizingiziddwa.
9 Singa MUKAMA ow'Eggye
teyatulekerawo bantu abatonotono abaasigalawo
twandibadde nga Sodomu,

* **1:7** Kino kyogera ku kulumbibwa kw'abantu b'omu Bwasuli mu biro bya Sennakeribu (2Bk 18:13). † **1:8** emyungu ziba bika bya nsujju; emu eyitibwa omungu

twandifuuse nga Ggomola.

10 Muwulirize ekigambo kya Katonda
mmwe abafuzi ba Sodomu!
Musseeyo omwoyo eri okuyigiriza kwa Katonda waffe
mmwe abantu b'e Ggomola!
11 "Ssaddaaka enkumu ze munsalira
zingasa ki?
Nkooye endiga ennume
enjokye eziweebwayo,
so sisanyukira musaayi gwa nte,
newaakubadde ogw'abaana b'endiga, newaakubadde ogw'embuzi ennume," bw'ayogera MUKAMA.
12 Bwe mujja mu maaso gange,
ani aba abayise
ne mujja okulinnyirira empya zange?
13 Mulekeraawo okuleeta ssaddaaka zammwe ezitaliimu;
obubaane bwammwe bwa muzizo gye ndi.
Omwezi Ogubonese ne Ssabbiiti n'enkuŋŋaana zammwe
zijjudde obutali butuukirivu.
14 Emyezi gyammwe Egibonese n'embaga zammwe ez'ennaku entukuvu,
emmeeme yange ebikyaye,
binfuukidde omugugu,
nkooye okubigumiikiriza.
15 Bwe munaayimusanga emikono gyammwe musabe
nnaabakwekanga amaaso gange,
era ne bwe munaasabanga ennyo
siiwulirenga
kubanga emikono gyammwe gisaabaanye omusaayi.

16 Munaabe, mwetukuze
muggirewo ddala ebikolwa byammwe ebibi gye ndi,
mulekeraawo okukola ebibi.
17 Muyige okukola obulungi, musalenga emisango n'amazima,
mudduukirirenga abajoogebwa,
musalenga omusango gw'atalina kitaawe,
muwolerezenga bannamwandu.

18 "Mujje nno tukubaganye ebirowoozo,"
bw'ayogera MUKAMA;
"ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu
binaafuuka byeru ng'omuzira,
ne bwe binaaba bitwakaavu nga langi emyufu enkwafu,
binaatukula ng'ebyoya by'endiga.
19 Bwe munaagondanga ne muwulira,
munaalyanga ebirungi eby'ensi;
20 naye bwe munaagaananga ne mujeemanga
ekitala kinaabalyanga,"
kubanga akamwa ka MUKAMA ke kakyogedde.

21 Laba ekibuga ekyesigwa
bwe kifuuse ng'omwenzi!

Oyo eyasalanga emisango mu bwenkanya!
Obutuukirivu bwatuulanga mu ye,
naye kaakano batemu bennyini nnyini!
22 Effeeza yo efuuse masengere,
wayini wo afuuse wa lujjulungu.
23 Abafuzi bo bajeemu,
mikwano gya babbi,
bonna bawoomerwa enguzi,
era banoonya kuweebwa birabo;
tebayamba batalina ba kitaabwe,
so n'ensonga za bannamwandu tebazifaako.
24 Noolwekyo kyava ayogera Mukama, MUKAMA ow'Eggye,
ow'amaanyi owa Isirayiri nti,
"Ndifuka obusungu ku balabe bange,
era ne nesasuza abo abankyawa.
25 Era ndikukwatamu n'omukono gwange,
ne nnoongoosereza ddala amasengere go gonna
ne nkuggyamu ebitali birungi byonna.
26 Era ndikomyawo abalamuzi bo ng'olubereberye
n'abo abakuwa amagezi, nga bwe kyali okusooka.
Olwo olyoke oyitibwe
ekibuga eky'obutuukirivu,
ekibuga ekyesigwa."

27 Sayuuni alinunulibwa lwa bwenkanya,
n'abantu baamu abalyenenya mu butuukirivu.
28 Naye abeewaggula n'abakozi b'ebibi balizikirizibwa wamu,
n'abo abava ku MUKAMA Katonda, balimalibwawo.

29 "Kubanga mulikwatibwa ensonyi olw'emiti
mwe mwenyumiririzanga,
n'olw'ennimiro
ze mweroboza.
30 Kubanga mulibeera ng'omuvule oguwotoka
era ng'ennimiro etaliimu mazzi.
31 N'omusajja ow'amaanyi alifuuka ng'enfuuzi,
n'omulimu gwe ng'akasasi akavudde ku lyanda,
era byombi biriggiira wamu
so tewaliba azikiza omuliro ogwo."

# 2

*Olusozi lwa MUKAMA*

1 Kuno kwe kwolesebwa Isaaya omwana wa Amozi kwe yalaba ku Yuda
ne Yerusaalemi.

2 Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma
olusozi okuli ennyumba ya MUKAMA Katonda
lulinywezebwa lusinge ensozi zonna okugulumira,
luliyimusibwa lusukke ku ndala zonna,
era amawanga gonna galilwolekera.
3 Abantu bangi balijja bagambe nti,
Mujje twambuke tulinnye ku lusozi lwa MUKAMA,

mu nnyumba ya Katonda wa Yakobo,
alyoke atuyigirize amakubo ge,
tulyoke tutambulire mu mateeka ge.
Kubanga MUKAMA aliteeka amateeka ng'asinziira mu Sayuuni,
era mu Yerusaalemi abayigirize ekigambo kye.
4 Alisala enkaayana z'amawanga,
aliramula emisango gy'abantu bangi,
era ebitala byabwe balibiwesaamu enkumbi,
n'amafumu gaabwe bagaweeseemu ebiwabyo.
Eggwanga teririyimusa kitala ku ggwanga linnaalyo,
so tebalyetegeka kulwana ntalo nate.

### *MUKAMA Ayita Ennyumba Ya Yakobo Okwenenya*

5 Ggwe ennyumba ya Yakobo,
mujje tutambulire mu kitangaala kya MUKAMA Katonda.
6 Wayabulira abantu bo
ab'ennyumba ya Yakobo,
kubanga eggwanga lijjudde obusamize obuva mu buvanjuba,
n'obulaguzi obuli nga obw'omu Bafirisuuti,
era basizza kimu ne bannamawanga.
7 Ensi yaabwe ejjudde effeeza ne zaabu,
n'obugagga bwabwe tebuliiko kkomo:
ensi yaabwe ejjudde embalaasi,
era erimu n'amagaali g'embalaasi mangi nnyo.
8 Ensi yaabwe ejjudde bakatonda ababumbe,
basinza omulimu gw'emikono gyabwe bo,
engalo zaabwe gwe zeekolera.
9 Kale omuntu wa kukkakkanyizibwa,
omuntu wa kussibwa wansi.
MUKAMA, tobasonyiwa!

10 Mugende mwekweke mu njazi,
mwekweke mu binnya wansi mu ttaka,
nga mudduka entiisa ya MUKAMA Katonda,
nga mudduka entiisa y'ekitiibwa ky'obukulu bwe.
11 Olunaku lujja okweyisa kw'omuntu
n'amalala ge lwe birizikirizibwa,
era MUKAMA Katonda yekka yaligulumizibwa ku olwo.

12 Kubanga MUKAMA Katonda ow'Eggye alina olunaku lw'ategese
eri abo bonna ab'amalala era abeewanise,
eri ebyo byonna eby'egulumiza ebijjudde
okwemanya n'okwewulira.
13 Alizikiriza emiti gy'omu Lebanooni,* emiwanvu emigulumivu,
n'emivule gyonna egya Basani.
14 Era n'ensozi zonna empanvu,
n'obusozi bwonna obugulumivu.
15 Na buli mulongooti gwonna omuwanvu,
na buli bbugwe gwe bakomese.
16 Alizikiriza emmeeri zonna ez'e Talusiisi,

* **2:13** Lebanooni kitundu ekiri mu buvanjuba bwa Yoludaani, ekimanyiddwa olw'emivule gyayo n'ente ennyingi

n'ebifaananyi byonna ebisiige eby'omuwendo omungi.
17 Era okwegulumiza kw'abantu kulijemulukuka,
n'amalala g'abantu galissibwa;
era MUKAMA Katonda yekka yaligulumizibwa ku lunaku olwo.
18 N'ebifaananyi bye basinza birizikiririzibwa ddala ku olwo.

19 Abantu balidduka ne beekweka mu mpuku mu mayinja,
ne mu binnya mu ttaka,
nga badduka entiisa
n'ekitiibwa ky'obukulu bwa MUKAMA Katonda,
bwaliyimuka okukankanya ensi n'amaanyi.
20 Ku lunaku olwo abantu balisuulira ddala
bakatonda baabwe abakole mu ffeeza, n'abakole mu zaabu,
be beekolera nga ba kusinzanga,
ne babakanyuga eri emmese n'eri ebinyira.
21 Balidduka ne beekukuma mu mpuku
ez'amayinja amaatifu
nga badduka entiisa
n'ekitiibwa ky'obukulu bwa MUKAMA Katonda,
bwaliyimuka okukankanya ensi.

22 Mulekeraawo okwesiga omuntu
alina omukka obukka mu nnyindo ze.
Kiki ennyo kyali?

# 3

*Yerusaalemi ne Yuda Bisalirwa Omusango*

1 Laba kaakano, Mukama,
MUKAMA Katonda ow'Eggye,
aggya ku Yerusaalemi ne ku Yuda
ekibeesiguza ne kwe banyweredde,
ekibeesiguza kyonna k'ebeere mmere, ka gabe mazzi.
2 Omusajja ow'amaanyi, n'omusajja omulwanyi omuzira,
omulamuzi, ne nnabbi,
n'omulaguzi, n'omukadde.
3 Omuduumizi akulira ekibinja ky'amakumi ataano,
n'omuwi w'amagezi, omulogo, omufuusa omugezigezi.

4 "Era ndifuula abalenzi obulenzi okuba abafuzi baabwe,
n'abaana obwana balibafuga."

5 Era abantu balijooga bannaabwe,
buli muntu anyigirize munne, ne muliraanwa anyigirize muliraanwa we.
Abato baliyisa mu bakulu amaaso
n'oyo omuntu ataliiko bw'ali ajooge omuntu ow'ekitiibwa.

6 Ekiseera kirituuka
omusajja agambe muganda we nti,
"Ggwe alina ku ngoye ba omukulembeze waffe,
n'ebizibu bino ggwe oba obyetikka!"
7 Naye ku olwo lwennyini aliddamu nti,

"Si nze n'aba ow'okubawonya,
mu nnyumba yange temuli mmere, wadde ebyambalo.
Temumpa kukulembera bantu!"

8 Kubanga Yerusaalemi kizikiridde
ne Yuda agudde!
Kubanga ebigambo byabwe byonna n'ebikolwa biwakanya MUKAMA Katonda,
bityoboola ekitiibwa kye.
9 Engeri gye batunulamu eragira ddala nga bwe balina omusango,
era boolesa ekibi kyabwe nga Sodomu*
awatali kukweka n'akatono.
Zibasanze!
Kubanga bo bennyini be beereeteedde okuzikirira.

10 Gamba abatuukirivu nti bo tebaabeeko mutawaana,
kubanga baakuwoomerwa ebibala by'ebikolwa byabwe.
11 Zisanze abakozi b'ebivve! Banaatuuka mu kuzikirira!
Balisasulibwa emikono gyabwe kye gikoze.

12 Abantu bange banyigirizibwa abaana abato,
abakazi kaakano be babafuga.
Woowe! Abantu bange bakyamizibwa abakulembeze baabwe
era babatabulatabula okubaggya mu kkubo ettuufu.

13 MUKAMA Katonda ali mu kifo kye mu mbuga,
ayimiridde okusalira abantu be omusango.
14 MUKAMA Katonda asala omusango
gw'abakadde n'abakulembeze b'abantu be.
"Mmwe mwayonoona ennimiro yange ey'emizabbibu.
Ebyanyagibwa ku baavu biri mu nnyumba zammwe.
15 Lwaki mulinnyirira abantu bange,
lwaki mutulugunya abaavu?" bw'ayogera MUKAMA Katonda Ayinzabyonna.

16 MUKAMA Katonda agamba nti,
"Abakazi b'omu Sayuuni† beemanyi,
era batambula balalambazza ensingo
nga batunuza bukaba.
Batambula basiira
nga bavuza obukomo bw'oku magulu gaabwe.
17 Mukama kyaliva aleeta amabwa ku mitwe gy'abakazi ba Sayuuni,
ne gifuuka gya biwalaata."
18 Olunaku lujja Mukama lwaliggya ku bakazi b'omu Yerusaalemi ebintu
byonna ebibaleetera amalala, ebikomo by'oku magulu, ebitambaala
ebibikka ku mitwe, n'obukuufiira,
19 ebyokumatu, ebyambalwa mu bulago, n'obutimba bw'omu maaso,

---

* **3:9** Sodomu ky'ekibuga ekiriraanye ekifo Lutti gye yassa eweema ye, bwe yali ayawukanye ne Ibulaamu, oluvannyuma eyayitibwa Ibulayimu. MUKAMA yasaanyaawo Sodomu ne Gomora n'omuliro ogwa salufa ogwava mu ggulu kubanga abatuuze baayo baayonoona nnyo eri MUKAMA (Lub 13:12) † **3:16** Sayuuni lusozi olusangibwa mu Yerusaalemi

20 ebyokumitwe, ebyokumikono, ebyomukiwato,
21 empeta ez'oku ngalo n'ez'omu nnyindo,
22 engoye ennungi, n'eminagiro, n'amaganduula, n'obusawo,
23 n'endabirwamu, n'engoye ez'obutimba, n'eza linena, n'ebitambaala
eby'oku mitwe ebinaanikiddwa n'amayinja ag'omuwendo, n'engoye ez-
ibabikka.
24 Mu kifo ky'akaloosa walibaawo kuwunya kivundu,
awandibadde enkoba ennungi wabeewo biguwa,
n'awaali enviiri ennongoose obulungi wabeewo kiwalaata,
mu kifo ky'engoye babeere mu nziina,
n'awaali obulungi waddewo obulambe.
25 Abasajja bo balittibwa kitala,
abalwanyi bo abazira bagwire mu lutalo.
26 N'enzigi za Sayuuni zirikaaba ne zikungubaga
era ekibuga kyennyini kiriba ng'omukazi alekeddwa obwereere ng'atudde mu ttaka.

# 4

1 Ekiseera ekyo bwe kirituuka abakazi musanvu balyekwata omusajja omu nga boogera nti,
Tuyitibwenga erinnya lyo,
otuggyeko ekivume.
Tunenoonyezanga emmere yaffe era twenoonyeze n'ebyokwambala.

*Yerusaalemi Kizzibwa Obuggya*

2 Ku lunaku luli ettabi lya MUKAMA Katonda liriba ddungi era lya kiti-
ibwa, era n'ebibala by'ensi biryeyagaza nnyo Abayisirayiri abaasigalawo.
3 Era buli alisigala mu Sayuuni na buli alisigala mu Yerusaalemi
aliyitibwa mutukuvu, buli muntu alibalirwa mu balamu mu Yerusaalemi.
4 Mukama aliggyawo obutali butuukirivu bw'abakazi ba Sayuuni, era
n'omwoyo ogusala ensonga n'omwoyo ogwokya, alisangulawo amatondo
g'omusaayi mu Yerusaalemi.
5 Olwo MUKAMA Katonda atondewo ekire mu budde obw'emisana,
n'omukka n'okumasaamasa ng'omuliro ogwaka ekiro ku kifo kyonna
eky'olusozi Sayuuni ne ku bantu bonna abakuŋŋaaniddeko; kubanga ku
byonna era wonna kunaaba kubikkiddwako ekitiibwa kya Katonda.
6 Era kiribeera ekibikka n'ekisiikirize ekiziyiza ebbugumu ly'emisana,
era ekiddukiro omwewogomebwa kibuyaga n'enkuba.

# 5

*Olugero lw'Ennimiro y'Emizabbibu*

1 Ka nnyimbire omwagalwa wange oluyimba
olukwata ku nnimiro ye ey'emizabbibu.
Omwagalwa wange yalina nnimiro ey'emizabbibu
ku lusozi olugimu.
2 Era n'agirima n'agiggyamu amayinja gonna,
n'agisimbamu emizabbibu egisinga obulungi.
Era wakati mu yo n'azimbamu ebigulumu okulengererwa.
N'agisimamu n'essogolero
n'agisuubira okubala emizabbibu emirungi
naye n'ebala emizabbibu nga si mirungi n'akatono.

3 “Era kaakano abatuuze b’omu Yerusaalemi n’abasajja b’omu Yuda,
munsalirewo nze n’ennimiro yange ey’emizabbibu.”
4 Ate kiki kye nandikoledde ennimiro yange eno,
kye ssaagikolera?
Bwe naginoonyamu emizabbibu emirungi,
lwaki saalabamu mirungi?
5 Kaakano muleke mbabuulire
kye nnaakola ennimiro yange ey’emizabbibu.
Nzija kugiggyako olukomera eyonooneke.
Ndimenya ekisenge kyayo yonna erinnyirirwe.
6 Era ndigireka n’ezika,
sirigirima wadde okugisalira.
Naye ndigireka n’emeramu emyeeramannyo n’amaggwa.
Ndiragira n’ebire
obutatonnyesaamu nkuba.

7 Ennyumba ya Isirayiri
y’ennimiro ya MUKAMA Katonda Ayinzabyonna ey’emizabbibu.
Abantu ba Yuda
y’ennimiro gye yasiima.
Yali abasuubiramu bwenkanya naye yabalabamu kuyiwa musaayi.
Yabasuubiramu butuukirivu naye nawulira kukaaba na kulaajana.

8 Zibasanze mmwe aboongera amayumba ku ge mulina,
n’ennimiro ne muzongerako endala
ne wataba kafo konna kasigadde,
ne mubeera mwekka wakati mu nsi!
9 MUKAMA Katonda alayidde nga mpulira nti,
“Mu mazima ennyumba nnyingi zirifuuka bifulukkwa,
n’ezo ennene ez’ebbeeyi zibulemu abantu.
10 Kubanga yika kkumi ez’ennimiro y’emizabbibu zinaavangamu ekibbo
kimu,
n’ogusero ogw’ensigo, kabbo bubbo ak’amakungula.”

11 Zibasanze abo abakeera enkya ku makya
banoonye ekitamiiza,
abalwawo nga banywa omwenge ettumbi ly’obudde,
okutuusa omwenge lwe gubalalusa!
12 Ababeera n’ennanga n’entongooli, ebitaasa n’endere,
n’omwenge ku mbaga zaabwe;
naye ne batalowooza ku mulimu gwa MUKAMA Katonda,
wadde okussa ekitiibwa mu ebyo bye yatonda.
13 Abantu bange kyebavudde bagenda mu buwaŋŋanguse
kubanga tebalina kutegeera.
Abantu baabwe ab’ekitiibwa bafe enjala,
n’abantu aba bulijjo bafe ennyonta.
14 Amagombe kyegavudde gagaziya omumiro gwago,
era ne gaasamya akamwa kaago awatali kkomo.
Mu ko mwe munaagenda abakungu baabwe
n’abantu baabwe abaabulijjo, n’ab’effujjo n’abatamiivu.
15 Buli muntu alitoowazibwa,
abantu bonna balikkakkanyizibwa

era amaaso g'abo abeemanyi nago gakkakkanyizibwe.
16 Naye MUKAMA Katonda ow'Eggye aligulumizibwa olw'obwenkanya,
era Katonda Omutukuvu yeerage nga bw'ali omutukuvu mu butuukirivu bwe.
17 Endiga ento ziryoke zirye ng'eziri mu malundiro gaazo,
n'ensolo engenyi ziriire mu bifo ebyalekebwa awo, ebyalundirwangamu eza ssava.

18 Zibasanze abo abasikaasikanya ebibi byabwe
ng'embalaasi bw'esika ekigaali.
19 Aboogera nti, "Ayanguyeeko, ayite mu bwangu tulabe ky'anaakola.
Entegeka z'omutukuvu wa Isirayiri nazo zijje,
zituuke nazo tuzimanye."

20 Zibasanze abo abayita ekibi ekirungi
n'ekirungi ekibi,
abafuula ekizikiza okuba ekitangaala,
n'ekitangaala okuba ekizikiza,
abafuula ekikaawa okuba ekiwoomerera
n'ekiwoomerera okuba ekikaawa.

21 Zibasanze abo abeeraba ng'abalina amagezi,
era abagezigezi bo nga bwe balaba.

22 Zibasanze abo abazira mu kunywa omwenge
era mu kutabula ekitamiiza,
23 abejjeereza abatemu olw'enguzi
era abamma abatuukirivu obwenkanya obubagwanidde.
24 Kale ng'olulimi lw'omuliro bwe lwokya ekisagazi ekikalu,
era ng'omuddo omukalu bwe guggweerera mu muliro,
bwe gityo n'emirandira gyabwe bwe girivunda,
era n'ebimuli byabwe bifuumuuke ng'enfuufu;
kubanga baajeemera etteeka lya MUKAMA Katonda ow'Eggye,
era ne banyooma ekigambo ky'Omutukuvu wa Isirayiri.
25 Noolwekyo obusungu bwa MUKAMA Katonda bubuubuukira ku bantu be,
n'agolola omukono gwe n'abasanjaga,
ensozi ne zikankana
era n'emirambo gyabwe ne gibeera ng'ebisasiro wakati mu nguudo.

Naye wadde nga biri bwe bityo, obusungu bwa MUKAMA Katonda tebunnakakkana
era omukono gwe gukyagoloddwa.

26 Era aliyimusiza eggwanga eriri ewala bbendera,
alibakoowoola ng'asinziira ku nkomerero y'ensi,
era laba,
balyanguwako okujja.*
27 Tewali n'omu akooye, tewali n'omu yeesittala.
Tewali n'omu asumagira wadde okwebaka.
Tewali aliba yeesibye lukoba olutanywedde mu kiwato kye,

---
* **5:26** Abalirumba baliba Basuuli.

wadde aliba n'olukoba lw'engatto olulikutuka.
28 Obusaale bwabwe bwogi,
n'emitego gyabwe gyonna mireege.
Ebinuulo by'embalaasi zaabwe biriba ng'amayinja ag'embaalebaale,
Ne nnamuziga w'amagaali gaabwe ng'adduka ng'embuyaga y'akazimu.
29 Okuwuluguma kwabwe kuliba nga okw'empologoma,
balikaaba ng'empologoma ento:
weewaawo baliwuluguma bakwate omuyiggo gwabwe
bagutwalire ddala awatali adduukirira.
30 Era ku lunaku olwo baliwuumira ku munyago gwabwe
ng'ennyanja eyira.
Omuntu yenna bw'alitunuulira ensi,
aliraba ekizikiza n'ennaku;
n'ekitangaala kiribuutikirwa ebire ebikutte.

# 6

*Katonda Atuma Isaaya*

1 Awo mu mwaka kabaka Uzziya mwe yafiira, nalaba Mukama ng'atudde
ku ntebe empanvu ng'agulumizibbwa, n'ekirenge ky'ekyambalo kye nga
kijjula yeekaalu.
2 Waggulu we yali waali wayimiriddewo basseraafi: buli omu ng'alina
ebiwaawaatiro mukaaga, ebibiri nga bye bibikka ku maaso ge, ebibiri nga
bye bibikka ku bigere bye, n'ebibiri ng'abibuusa.
3 Buli omu yali ng'ayogera ne munne n'eddoboozi ery'omwanguka nti,
"Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, MUKAMA Katonda Ayinzabyonna:
ensi yonna ejjudde ekitiibwa kye."
4 N'emisingi gy'emiryango ne ginyeenyezebwa olw'eddoboozi ly'oyo eyali
akoowoola mu ddoboozi ery'omwanguka, yeekaalu n'ejjula omukka.
5 Ne ndyoka nkaaba nti, "Zinsanze nze! Nfudde mpeddewo! Kubanga
ndi muntu ow'emimwa egitali mirongoofu, era mbeera wakati mu bantu
ab'emimwa egitali mirongoofu; kubanga amaaso gange galabye Kabaka,
MUKAMA Katonda ow'Eggye!"
6 Olwo omu ku basseraafi n'alyoka abuuka n'ajja gye ndi ng'alina
eryanda eryaka mu ngalo ze, lye yali aggye ku kyoto* ne nnamagalo.
7 Era n'alikomya ku kamwa kange, n'agamba nti, "Laba, lino likoonye
ku mimwa gyo, era obutali butuukirivu bwo bukuggyiddwako. Era n'ekibi
kyo kikusonyiyiddwa."
8 Ne mpulira eddoboozi lya Mukama ng'abuuza nti, "Naatuma ani, era
ani anaagenda ku lwaffe?"
Ne ndyoka njogera nti, "Nze wendi! Tuma nze!"
9 Nayogera nti, "Genda obuulire abantu bano nti,
" 'Okuwulira munaawuliranga naye temutegeerenga,
n'okulaba munaalabanga naye temutegeerenga kye mulabye.'
10 Okakanyaze omutima gw'abantu bano,
oggale amatu gaabwe,
n'amaaso gazibe
si kulwa nga balaba n'amaaso gaabwe
oba okuwulira n'amatu gaabwe
oba okutegeera n'emitima gyabwe

* **6:6** Ekyoto ekyo ky'ekyoto eky'obuwoowo ekiri wakati w'Awatukuvu.

ne bakyuka bawonyezebwe.”
11 Ne ndyoka njogera nti, “Mukama wange birituusa ddi okuba bwe biti?”
Nanziramu nti,
“Okutuusa ebibuga lwe birizika
nga tewali abibeeramu,
ne mu mayumba nga temuli muntu,
ensi ng’esigalidde awo,
12 okutuusa nga MUKAMA Katonda agobedde wala buli muntu,
era ng’ensi esigadde matongo.
13 N’ekimu eky’ekkumi ekiriba kisigaddewo,
nakyo kirizikirizibwa.
Naye ng’omumyuliru n’omuvule
bwe gireka ebikolo byagyo bwe gitemebwa,
bw’etyo ensigo entukuvu bw’erigwa mu ttaka n’esigala ng’ekikolo mu nsi.”

# 7

### *Akabonero Akategeeza Okujja kwa Emmanweri*

1 Awo olwatuuka mu mirembe gya Akazi omwana wa Yosamu, omwana
wa Uzziya, kabaka wa Yuda, Lezini kabaka w’e Busuuli, ne Peka omwana
wa Lemaliya, kabaka wa Isirayiri ne bambuka okulwanyisa Yerusaalemi
naye ne balemererwa.*
2 Amawulire bwe gatuuka eri Kabaka wa Yuda nti, “Obusuuli bwegasse
ne Efulayimu okubalumba”; omutima gwe n’egy’abantu ba Yuda bonna ne
gikankana, ne giba ng’emiti egy’omu kibira eginyeenyezebwa embuyaga.
3 MUKAMA Katonda n’alyoka agamba Isaaya nti, “Fuluma kaakano
osisinkane Akazi, ggwe ne mutabani wo Seyalusayubu, olusalosalo
olw’ekidiba ekyengulu we lukoma, mu luguudo olw’Ennimiro y’Omwozi
w’Engoye,
4 omugambe nti, ‘Weegendereze, beera mukkakkamu toba na kutya
omutima gwo teguggwaamu maanyi olw’emimuli gino eginyooka egigg-
weeredde, olw’obusungu bwa Lezini, n’obwa Obusuuli n’obw’omwana wa
Lemaliya obubuubuuka.’
5 Kubanga Obusuuli ne Efulayimu ne mutabani wa Lemaliya bateesezza
okukuleetako obulabe nga boogera nti,
6 ‘Ka twambuke tulumbe Yuda, tukiyuzeeyuze tukyegabanye, tufuule
omwana wa Tabeeri okuba kabaka waakyo.’
7 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti,
“ ‘Ekyo tekiibeewo
era tekirituukirira.
8 Kubanga Damasiko ge maanyi ga Busuuli
era ne Lezini ge maanyi ga Damasiko.
Mu bbanga lya myaka nkaaga mu etaano
Efulayimu kiribetentebwatentebwa nga tekikyali ggwanga.
9 Ne Samaliya ge maanyi ga Efulayimu,
era mutabani wa Lemaliya ge maanyi ga Samaliya.
Bwe mutalinywerera mu kukkiriza kwammwe,
ddala temuliyimirira n’akatono.’ ”

---

* **7:1** Mu mwaka 735 BC, Isirayiri ne Busuuli batta omukago balwanyise Bwasuli, ne bagezaako okusendasenda Akazi kabaka wa Yuda abeegatteko

10 MUKAMA Katonda n'addamu n'agamba Akazi nti,
11 "Saba MUKAMA Katonda wo akabonero, ne bwe kanaaba mu buziba,
oba mu magombe oba mu bwengula."
12 Naye Akazi n'agamba nti, "Sijja kusaba kabonero, sijja kugezesa
MUKAMA Katonda."
13 Isaaya n'ayogera nti, "Muwulire mmwe kaakano, mmwe ennyumba
ya Dawudi! Okugezesa abantu tekibamala? Ne Katonda munaamugezesa?
14 Noolwekyo Mukama yennyini kyaliva abawa akabonero; laba
omuwala atamanyi musajja alizaala omwana wabulenzi era alituumibwa
erinnya Emmanweri.
15 Bw'alituuka okwawula ekirungi n'ekibi aliba alya muzigo na mubisi
gwa njuki.
16 Kubanga ng'omwana bw'aba nga tannamanya kugaana kibi
n'alondawo ekirungi, ensi eza bakabaka ababiri bootya erisigala matongo.
17 MUKAMA Katonda alikuleetako ne ku bantu bo ne ku nnyumba ya
kitaawo ennaku ezitabangawo bukyanga Efulayimu eva ku Yuda; agenda
kuleeta kabaka w'e Bwasuli."
18 Olunaku olwo nga lutuuse, MUKAMA Katonda alikoowoola ensowera
eri mu bifo eby'ewala eby'emigga egy'e Misiri, n'enjuki eri mu nsi y'e
Bwasuli.
19 Era byonna birijja bituule mu biwonvu ebyazika, ne mu njatika z'omu
mayinja, ku maggwa, ne ku malundiro gonna.
20 Ku lunaku luli Mukama alimwesa akawembe akapangisiddwa emitala
w'emigga, ye kabaka w'e Bwasuli, kammwe omutwe, n'obwoya bw'oku
magulu, kasalireko ddala n'ekirevu.
21 Newaakubadde mu nnaku ezo, ng'omuntu alisigaza ente emu yokka
n'endiga bbiri,
22 naye olw'obungi bw'amata agabivaamu, alirya ku muzigo. Kubanga
buli alisigalawo mu nsi alirya muzigo na mubisi gwa njuki.
23 Era ng'olunaku lutuuse, buli kifo awaabanga emizabbibu, ng'olukumi
lubalibwamu kilo kkumi n'emu n'ekitundu, kiriba kisigaddemu myera-
mannyo n'amaggwa.
24 Abantu baligendayo na busaale na mitego, kubanga ensi yonna eriba
efuuse myeramannyo na maggwa.
25 N'ensozi zonna ze baalimanga n'enkumbi nga tezikyatuukikako
olw'okutya emyeramannyo n'amaggwa, era kirifuuka ekifo ente n'endiga
we byerundira.

# 8

*MUKAMA Akozesa Bwasuli Okubonereza Isirayiri*

1 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Kwata ekipande ekinene
okiwandiikeko n'ekkalaamu nti: Kya Makerusalalukasubazi."
2 Ne ndyoka neeyitira abajulirwa abeesigwa, Uliya kabona, ne Zekkaliya
omwana wa Yeberekiya.
3 Ne ŋŋenda eri nnabbi omukazi, n'aba olubuto, n'azaala omwana
wabulenzi. MUKAMA Katonda n'alyoka agamba nti, "Mmutuume erinnya
Makerusalalukasubazi.
4 Kubanga omwana nga tannamanya kugamba nti, 'Taata', oba 'Maama',
obugagga bw'e Ddamasiko n'omunyago gwe Samaliya birinyagibwa
kabaka w'e Bwasuli."
5 MUKAMA Katonda n'addamu n'ayogera nange nti,

6 “Kubanga abantu bano bagaanye
amazzi g’e Sirowa agakulukuta empolampola,*
ne bajaguza olwa Lezini
ne mutabani wa Lemaliya,
7 kale nno Mukama anaatera okubaleetako
amazzi ag’Omugga, ag’amaanyi era amayitirivu,
ye kabaka w’e Bwasuli n’ekitiibwa kye kyonna;
galisukka ensalosalo zonna,
ne ganjaala ku ttale lyonna.
8 Era galyeyongera ne ganjaala mu Yuda,
galyanjaala ne gamuyitamu gakome ne mu bulago,
n’emikutu gyago gyegolole okujjuza ensi yo,
ggwe Emmanweri.”

9 Muyimbe ennyimba z’entalo mmwe amawanga naye mwekaabire.
Mutege amatu mmwe mwenna ab’ensi ezeewala;
mwenyweze naye mwekaabire;
mwenyweze naye mwekaabire.
10 Muteese enkola yammwe, naye yakugwa butaka,
mwogere ekigambo naye tekirituukirira.
11 Kubanga MUKAMA Katonda yayogera nange ng’antaddeko omukono
gwe ogw’amaanyi, ng’andabula nneme okugoberera ekkubo ly’abantu
bano, ng’aŋŋamba nti,
12 “Ebintu byonna abantu bano bye bayita enkwe,
temubiyita nkwe,
era temutya bye batya,
wadde okutekemuka† omutima.
13 Naye mujjukire nti nze MUKAMA Katonda ow’Eggye, nze Mutukuvu,
nze gwe muba mutya,
era gwe muba mwekengera.
14 Olw’obutukuvu eri ennyumba zombi eza Isirayiri
aliba ejjinja era olwazi kwe bagwa,
era alibeera omutego era ekyambika eri ab’omu Yerusaalemi.
15 Era bangi abaliryesittalako,
bagwe, bamenyeke,
bategebwe bakwatibwe.”

16 Nyweza obujulirwa
okakase amateeka mu bayigirizwa bange.
17 Nange nnaalindirira MUKAMA Katonda
akwese amaaso ge okuva ku nnyumba ya Yakobo,
mmunoonye n’essuubi.
18 Laba, nze n’abaana MUKAMA Katonda bampadde tuli bubonero
n’ebyewuunyo mu Isirayiri obuva eri MUKAMA Katonda ow’Eggye, abeera
ku lusozi Sayuuni.
19 Abantu bwe babagamba nti mwebuuze ku abo abaliko emizimu,
n’abasamize abakaaba ng’ennyonyi era abajoboja, eggwanga tekirig-
wanira kwebuuza ku Katonda waalyo? Lwaki ebikwata ku balamu
mubibuuza abafu?

---

* **8:6** Amazzi agoogerebwako wano ge mazzi agava mu Gikoni (2By 32:4-30) agakozesebwa wakati mu kibuga Yerusaalemi † **8:12** Abantu bwe baawulira nti waliwo omukago wakati wa Isirayiri ne Bwasuli, ne batya nnyo.

20 Tudde eri amateeka n'obujulirwa! Bwe baba teboogera bwe batyo,
mazima obudde tebugenda kubakeerera.
21 Era baliyita mu nsi nga beeraliikirira nnyo nga balumwa enjala; era
enjala bweriyitirira okubaluma ne banyiiga era nga batunudde waggulu
balikolimira kabaka ne Katonda waabwe.
22 Era bwe balitunula ku nsi baliraba nnaku na kizikiza, n'entiisa
ey'okubonaabona basuulibwe mu kizikiza ekikutte zigizigi.

# 9

*Omulokozi Atuzaaliddwa*

1 Naye tewaliba kizikiza eri oyo eyali mu kubonaabona. Edda yatoowaza
ensi ya Zebbulooni n'ensi ya Nafutaali, naye mu kiseera ekijja aliwa
Ggaliraaya ekitiibwa, ensi ey'abamawanga emitala wa Yoludaani, awali
ekkubo erigenda ku nnyanja.

2 Abantu abaatambuliranga mu kizikiza
balabye ekitangaala eky'amaanyi,
abo abaatuulanga mu nsi ey'ekizikiza ekingi,
omusana gubaakidde.

3 Oyazizza eggwanga,
obongedde essanyu,
basanyukira mu maaso go ng'abantu bwe basanyuka mu biseera eby'amakungula,
ng'abasajja bwe basanyuka nga bagabana omunyago.*

4 Nga ku lunaku Abamidiyaani lwe baawangulwa,
omenye ekikoligo ekyamuzitoowereranga,
n'ekiti eky'oku kibegabega kye,
n'oluga lw'oyo amunyigiriza.

5 Kubanga buli ngatto ya mulwanyi ekozesebwa mu lutalo
na buli kyambalo ekibunye omusaayi,
biriba bya kwokebwa,
bye birikozesebwa okukoleeza omuliro.

6 Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe,
omwana owoobulenzi atuweereddwa ffe,
n'okufuga kunaabanga ku bibegabega bye.
N'erinnya lye aliyitibwa nti,
Wa kitalo, Omuwi w'amagezi, Katonda Ayinzabyonna,
Kitaffe ow'Emirembe Gyonna, Omulangira w'Emirembe.

7 Okufuga kwe n'emirembe
biryeyongeranga obutakoma.
Alifugira ku ntebe ya Dawudi ne ku bwakabaka bwe,
n'okubuwanirira n'obwenkanya n'obutuukirivu
okuva leero okutuusa emirembe gyonna.
Obumalirivu bwa MUKAMA Katonda ow'Eggye
bulikituukiriza ekyo.

*Obusungu bwa MUKAMA Ku Isirayiri*

8 Mukama yaweereza obubaka obukwata ku Yakobo,†
ku birituuka ku Isirayiri.

9 Era abantu bonna balibumanya,

---

* **9:3** Kino kyogera ku Gidyoni bwe yawanguka Abamidiyaani † **9:8** Yakobo, ne Isirayiri, ne Efulayimu ne Samaliya, byonna byogera ku Bwakabaka bw'omu Bukiikakkono, era ekibuga kyayo ekikulu ye Samaliya.

Efulayimu n'abantu b'omu Samaliya
aboogera n'amalala
n'omutima omukakanyavu,
10 nti, “Amatoffaali gagudde wansi
naye tulizimbya amayinja amateme,
emisukamooli gitemeddwawo
naye tulizzaawo emivule.”
11 MUKAMA Katonda kyaliva awa abalabe ba Lezini amaanyi bamulumbe;
alibakumaakuma bamulumbe.
12 Abasuuli balisinziira mu buvanjuba, n'Abafirisuuti bave ebugwanjuba,
balyoke basaanyeewo Isirayiri n'akamwa akaasamye.

Newaakubadde nga biri bityo, obusungu bwa MUKAMA buliba tebunnavaawo
era omukono gwe guliba gukyagoloddwa.

13 Kubanga abantu tebakyuse kudda
wadde okunoonya MUKAMA Katonda ow'Eggye eyabakuba.
14 Bw'atyo MUKAMA Katonda kyaliva asala ku Isirayiri, omutwe n'omukira,
ettabi n'olukindu mu lunaku lumu.
15 Omutwe be bakadde n'abantu ab'ekitiibwa,
n'omukira be bannabbi abayigiriza eby'obulimba.
16 Kubanga abakulembera abantu bano bababuzaabuuza,
n'abo abakulemberwa babuzibwabuzibwa.
17 Noolwekyo, Mukama tajja kusanyukira bavubuka,
wadde okukwatirwa ekisa abo abataliiko ba kitaabwe wadde bannamwandu;
kubanga buli omu mukozi wa bibi,
era buli kamwa konna kogera eby'obuwemu.

Olwa bino byonna, obusungu bwa MUKAMA tebunakyusibwa kubavaako,
era omukono gwe gukyagoloddwa.

18 Ddala ekibi kyokya ng'omuliro;
gumalawo emyeramannyo n'obusaana.
Era gukoleeza eby'omu kibira,
omukka ne gunyooka ne gutumbiira waggulu.
19 Olw'obusungu bwa MUKAMA Katonda ow'Eggye
ensi eggiiridde ddala,
era n'abantu bali ng'enku ez'okukuma omuliro,
tewali muntu alekawo muganda we.
20 Balimalawo eby'oku mukono ogwa ddyo,
naye balisigala bayala;
balirya n'eby'oku kkono,
naye tebalikkuta.
Buli omu alirya ku mubiri gw'ezzadde lye.
21 Manase alirya Efulayimu ne Efulayimu n'alya Manase
ate bombi ne balya Yuda.

Naye wadde nga biri bityo, obusungu bwa MUKAMA buliba tebunnavaawo,
era n'omukono gwe guliba gukyagoloddwa.

# 10

1 Nga zibasanze abo abateeka amateeka agatali ga bwenkanya,
n'abo abawa ebiragiro ebinyigiriza,
2 okulemesa abaavu ne batafuna nsala ebagwanidde;
era n'okunyaga ku bantu bange abaavu ebyabwe,
ne bafuula bannamwandu omunyago gwabwe,
n'abatalina ba kitaabwe omuyiggo gwabwe!
3 Mulikola mutya ku lunaku MUKAMA lwalisalirako omusango
ne mu kuzikirira okuliva ewala?
Muliddukira w'ani alibayamba?
Obugagga bwammwe mulibuleka wa?
4 Muliba temusigazza kya kukola kirala wabula okutwalibwa nga mukutaamiridde mu busibe
oba okuba mu abo abattiddwa.

Naye wadde nga biri bityo, obusungu bwe buliba tebunnaggwaawo,
era n'omukono gwe guliba gukyagoloddwa.

### *Omusango Katonda Gwalisalira Bwasuli*

5 "Zikusanze Bwasuli, omuggo gw'obusungu bwange,
era omuggo gw'ekiruyi kyange.
6 Mmutuma okulumba eggwanga eritatya MUKAMA,
era mmusindika eri abantu abansunguwazizza,
abanyage, ababbire ddala,
n'okubasambirira abasambirire ng'ebitoomi eby'omu nguudo.
7 Naye kino si kye kigendererwa kye,
kino si ky'alowooza.
Ekigendererwa kye kwe kuzikiriza,
okumalirawo ddala amawanga mangi.
8 'Abaduumizi bange bonna tebenkana bakabaka?' bw'atyo bw'ayogera.
9 'Kalino tetwakizikiriza nga Kalukemisi,
ne Kamasi nga Alupaadi,
ne Samaliya nga Ddamasiko?
10 Ng'omukono gwange bwe gwawamba obwakabaka obusinza bakatonda ababajje,
abasinga n'abo ab'omu Yerusaalemi ne Samaliya,
11 nga bwe nakola Samaliya ne bakatonda baabwe abalala
si bwe nnaakola Yerusaalemi ne bakatonda baabwe ababajje?' "
12 Mukama bw'alimaliriza omulimu gwe ku lusozi Sayuuni era ne ku
Yerusaalemi n'alyoka abonereza kabaka w'e Bwasuli olw'okwewaana
n'okuduula kwe n'entunula ye ey'amalala.
13 Kubanga yayogera nti,
" 'Bino byonna mbikoze olw'amaanyi g'omukono gwange,
era n'olw'amagezi gange,
kubanga ndi mukalabakalaba:
Najjulula ensalo z'amawanga ne nnyaga obugagga bwabwe,
ng'ow'amaanyi omuzira ne nzikakkanya bakabaka baabwe.
14 Ng'omuntu bw'akwata mu kisu,
omukono gwange gw'akunuukiriza ne gukwata mu bugagga bw'amawanga;
ng'abantu bwe balondalonda amagi agalekeddwawo,
bwe ntyo bwe nakuŋŋaanya amawanga gonna,
tewali na limu lyayanjuluza ku kiwaawaatiro,

newaakubadde eryayasamya akamwa kaalyo okukaaba.’ ”

15 Embazzi eyinza okweyita ey’ekitalo okusinga oyo agitemesa?
Omusumeeno gulyekuza okusinga oyo agusazisa?
Gy’obeera nti oluga luyinza okuwuuba omuntu alukozesa,
oba omuggo okusitula oyo atali muti.
16 Noolwekyo Mukama, MUKAMA Katonda Ayinzabyonna,
kyaliva aweereza obukovvu bulye abasajja be abaagejja,
era wansi w’okujaganya n’ekitiibwa kye akoleeze wo omuliro
ogwokya ng’oluyiira.
17 Ekitangaala kya Isirayiri kirifuuka omuliro,
n’Omutukuvu waabwe abeere olulimi lw’omuliro,
mu lunaku lumu kyokye kimalirewo ddala
amaggwa ge n’emyeramannyo gye.
18 Era kiryokya ne kimalirawo ddala ekitiibwa ky’ebibira bye,
n’ennimiro ze, engimu,
ng’omusajja omulwadde bwaggweerawo ddala.
19 N’emiti egy’omu kibira kye egirisigalawo giriba mitono nnyo
nga n’omwana ayinza okugibala.

*Abalisigalawo ku Isirayiri*

20 Awo olulituuka ku lunaku olwo, abaliba bafisseewo ku Isirayiri,
n’abo abaliba bawonye ku nnyumba ya Yakobo
nga tebakyeyinulira ku oyo*
eyabakuba
naye nga beesigama ku MUKAMA Katonda,
omutukuvu wa Isirayiri mu mazima.
21 Ekitundu ekirifikkawo kirikomawo, ekitundu kya Yakobo
kirikomawo eri Katonda ow’amaanyi.
22 Kubanga wadde abantu bo bangi ng’omusenyu gw’ennyanja,
abalikomawo nga balamu baliba batono.
Okuzikirira kwo kwa kubaawo
kubanga kusaanidde.
23 Kubanga Mukama, MUKAMA Katonda ow’Eggye alireeta
enkomerero eteriiko kubuusabuusa nga bwe yateekateeka entuuko mu nsi yonna.
24 Noolwekyo Mukama, MUKAMA Katonda ow’Eggye kyava ayogera nti,
“Mmwe abantu bange ababeera mu Sayuuni,
temutyanga Abasuli,
newaakubadde nga babakuba n’oluga
era nga babagololera omuggo nga Abamisiri bwe baakola.
25 Kubanga mu kaseera katono nnyo
obusungu bwange gy’oli bujja kukoma era ekiruyi kyange kiribazikiriza.”

26 MUKAMA Katonda ow’Eggye alibakuba n’akaswanyu
nga bwe yakuba aba Midiyaani ku lwazi lw’e Olebu.
Era aligololera oluga lwe ku nnyanja
nga bwe yakola e Misiri.
27 Ku lunaku olwo, omugugu gwe guliggyibwa ku bibegabega byo,
n’ekikoligo kye kive ku nsingo yo;

* **10:20** Kino kyogera ku bantu ba Bwasuli

ekikoligo kirimenyebwa
olw'obugevvu bwo.

28 Laba eggye ly'omulabe lituuse liwambye Yagasi,
liyise mu Migulooni,
era mu Mikumasi gye balireka emigugu gyabwe.
29 Bayise awavvuunukirwa, e Geba
ne basulayo ekiro kimu,
Laama akankana,
Gibea wa Sawulo adduse.
30 Kaaba n'eddoboozi ery'omwanguka ggwe omuwala wa Galimu!
Ggwe Layisa wuliriza!
Ng'olabye Anasosi!
31 Madumena adduse,
abantu b'e Gebimu beekukumye.
32 Olwa leero bajja kusibira Nobu,
balyolekeza ekikonde kyabwe
eri olusozi lwa Muwala wa Sayuuni,
akasozi ka Yerusaalemi.

33 Laba, Mukama, MUKAMA Katonda ow'Eggye,
alitema amatabi n'entiisa
n'emiti emiwanvu n'emiwagguufu giritemerwa ddala,
n'emiti emiwanvu girikkakkanyizibwa.
34 Era alitemera ddala n'embazzi ebisaka by'omu kibira;
Lebanooni aligwa mu maaso g'oyo Ayinzabyonna.

# 11

*Ettabi Eririva ku Yese*

1 Ensibuka erimera ng'eva ku kikonge kya Yese,
ne ku mirandira kulivaako omuti, ne ku muti kulivaako Ettabi eriribala ekibala.
2 Mwoyo wa MUKAMA alibeera ku ye,
Mwoyo ow'amagezi n'okutegeera
ne Mwoyo w'okusala ensonga, n'ow'amaanyi
ne Mwoyo w'okumanya era n'okutya MUKAMA Katonda.
3 Era n'essanyu lye liribeera mu kutya MUKAMA Katonda.

Taasalenga misango ng'asinziira ku maaso ge gokka nga bwe galaba,
oba okusalawo ng'asinziira ku byawulira n'amatu ge byokka,
4 naye anaasaliranga abaavu emisango mu bwenkanya,
era asalire mu bwenkanya abo abawombeefu ab'omu nsi;
era alikuba ensi n'omuggo ogw'omu kamwa ke,
era alitta omukozi w'ebibi n'omukka ogw'omu kamwa ke.
5 Obutuukirivu, bwe buliba olukoba lwe yeesibya,
n'obwesigwa, bw'alyesiba mu kiwato kye.

6 Omusege gulisulanga wamu n'omwana gw'endiga,
n'engo egalamire wamu n'omwana gw'embuzi;
era ennyana n'empologoma n'ennyana eya ssava binaagalamiranga wamu;
era omwana omuto yalizirabirira.

7 Ente n'eddubu biririira wamu,
abaana baazo banaagalamiranga wamu.
Empologoma erirya omuddo ng'ente.
8 N'omwana ayonka alizannyira ku kinnya ky'enswera,
n'omwana omuto aliteeka omukono gwe mu kinnya ky'essalambwa.
9 Tewalibeera kukolaganako bulabe
wadde okuttiŋŋana ku lusozi lwange olutukuvu.
Kubanga ensi eribeera ejjudde okumanya MUKAMA Katonda,
ng'amazzi bwe gajjuza ennyanja.

10 Awo ku lunaku luli, muzzukulu wa Yese aliyimirira ng'ebendera
eri amawanga. Oyo amawanga gwe ganaanoonyanga, n'ekifo kye
eky'okuwummuliramu, kiribeera kya kitiibwa.
11 Era ku lunaku olwo Mukama aligolola omukono gwe omulundi
ogwokubiri* okununula abasigalawo ku bantu be, okubaggya mu Bwasuli
ne mu Misiri ne mu Pasuloosi ne mu Kuusi ne mu Eramu ne mu Sinaali
ne mu Kamasi ne mu bizinga eby'omu nnyanja.

12 Era aliwanikira amawanga bbendera, akuŋŋaanye abawaŋŋanguse ba Isirayiri;
aleete wamu abantu ba Yuda abaali basaasaanye mu nsonda ennya ez'ensi.
13 Olwo obuggya bwa Efulayimu bulyoke buggweewo,
n'abo abateganya Yuda balizikirizibwa.
Efulayimu talikwatirwa Yuda buggya
wadde Yuda okubeera omulabe wa Efulayimu.
14 Bombi awamu balirumba ne bamalawo Abafirisuuti mu busozi bw'ebugwanjuba;
era bombiriri balinyaga abantu b'omu buvanjuba.
Baligolola omukono gwabwe ku Edomu ne Mowaabu;
n'abaana ba Amoni balibagondera.
15 Era MUKAMA Katonda alikaliza
omukutu gw'ennyanja y'Abamisiri;
era aliwujira omukono gwe ku mugga Fulaati
ne guleetawo omuyaga ogukaza,
agwawulemu ebitundu musanvu
abantu bye banaasomokanga ku bigere.
16 Era abo abalisigalawo ku bantu be balibeera n'ekkubo ery'okuyitamu ery'eggwanga
eryasigala ku Bwasuli
nga bwe kyali eri Isirayiri ku lunaku
lwe baaviirako mu Misiri.

# 12

### *Okwebaza MUKAMA olw'Obulokozi bwe*

1 Ku lunaku olwo oligamba nti,
"Nnaakwebazanga ayi MUKAMA Katonda;
newaakubadde nga wansunguwalira,
obusungu bwo bwaggwaawo era onzizizzaamu amaanyi.
2 Laba Katonda bwe bulokozi bwange;
nzija kumwesiga era siritya;
kubanga MUKAMA Katonda ge maanyi gange era lwe luyimba lwange,

* **11:11** Abayisirayiri bwe baali bava e Misiri ogwo gwe mulundi ogwasooka.

era afuuse obulokozi bwange."
3 Munaasenanga n'essanyu amazzi
okuva mu nzizi ez'obulokozi.
4 Era ku lunaku olwo mulyogera nti,
"Mwebaze MUKAMA Katonda, mukoowoole erinnya lye,
mubuulire ebikolwa bye mu mawanga,
mwogere nti erinnya lye ligulumizibwe.
5 Mumuyimbire MUKAMA Katonda ettendo kubanga akoze eby'ettendo;
muleke kino kimanyibwe mu mawanga gonna.
6 Leekaana n'eddoboozi ery'omwanguka oyimbe n'essanyu ggwe omuntu w'omu Sayuuni,
kubanga Omutukuvu wa Isirayiri ali wakati mu ggwe mukulu."

# 13

*Obunnabbi Obukwata ku Kugwa kwa Babulooni*

1 Obubaka bwa Babulooni Isaaya mutabani wa Amozi bwe yalaba.
2 Muwanike bbendera ku lusozi olutaliiko bantu,
mubakaabirire
mubawenye bayingire mu miryango gy'abakungu.
3 Nze MUKAMA ndagidde abatukuvu bange
mpise abalwanyi bange ab'amaanyi,
babonereze abo abeeyisaawo abeemanyi.

4 Muwulirize oluyoogaano lw'ekibiina ku nsozi,
nga luwulikika ng'olw'ogubiina ogunene!
Wuliriza, oluyoogaano lw'obwakabaka,
olw'amawanga ag'ekuŋŋaanyizza awamu!
MUKAMA Katonda ow'Eggye ateekateeka
eggye lye okulwana.
5 Bava wala mu nsi ezeewala ennya
okuva ku nkomerero y'eggulu.
Mu busungu bwe MUKAMA Katonda aleese ebyokulwanyisa
eby'okuzikiriza ensi yonna.

6 Mukungubage, kubanga olunaku lwa MUKAMA luli kumpi,
lulijja ng'okuzikirira okuva eri MUKAMA Katonda bwe kuba!
7 Emikono gyonna kyegiriva giggwaamu amaanyi,
na buli mutima gwa muntu gulisaanuuka;
8 era bakeŋŋentererwe n'okubalagala kulibakwata, balyoke balumwe ng'omukazi alumwa okuzaala.
Balitunulaganako nga bawuniikiridde amaaso gaabwe nga gatangaalirira.

9 Laba olunaku lwa MUKAMA lujja,
olunaku olubi ennyo olw'ekiruyi n'obusungu obubuubuuka
okufuula ensi amatongo,
n'okuzikiriza abakozi b'ebibi okubamalamu.
10 Kubanga emmunyeenye ez'omu ggulu n'ebibiina byazo
tebiryaka;
enjuba nayo teryaka nga bw'ekola bulijjo,
n'omwezi nagwo tegulyaka.
11 Ndibonereza ensi olw'okwonoona kw'ayo,

n’abakozi b’ebibi olw’ebyonoono byabwe.
Era ndimalawo okweyisa kw’ab’amalala
era nzikakkanya okwenyumiriza kw’abo abakambwe.
12 Abantu ndibafuula abebbula
okusinga zaabu ennongoose eya ofiri.
13 Noolwekyo ndikankanya eggulu,
era n’ensi ngiyuuguumye okuva mu kifo kyayo,
olw’obusungu bwa MUKAMA Katonda ow’Eggye,
ku lunaku lw’obusungu bwe obungi.

14 Era ng’empeewo eyiggibwa,
ng’endiga eteriiko agirunda,
buli muntu aliddukira eri abantu be
buli muntu aliddukira mu nsi y’ewaabwe.
15 Buli anaalabwangako ng’ekitala kimuyitamu,
buli gwe banaakwatangako ng’attibwa n’ekitala.
16 N’abaana baabwe abawere banabetenterwanga mu maaso gaabwe nga balaba;
ennyumba zaabwe zinyagibwe, n’abakazi baabwe bakwatibwe olw’empaka.

17 Laba, ndibayimbulira Abameedi,
abatafa ku ffeeza
era abateeguya zaabu.
18 Emitego gyabwe girikuba abavubuka
era tebaliba na kisa eri abawere.
Amaaso gaabwe tegalisaasira baana bato.
19 Ne Babulooni, ekitiibwa eky’obwakabaka,
obulungi obw’okwemanya kw’Abakaludaaya,
kiriba nga Sodomu ne Ggomola
Katonda bye yawamba.
20 Tekiriddamu kusulwamu ennaku zonna,
so tekiribeerwamu emirembe n’emirembe,
so teri Muwalabu alisimbayo weema ye,
teri musumba aligalamizaayo ggana lye kuwummulirayo.
21 Naye ensolo enkambwe ez’omu ddungu ze zinaagalamirangayo;
ennyumba zijjule ebintu ebiwoowoola;
bammaaya banaabeeranga eyo,
n’ebikulekule bibuukire eyo.
22 N’empisi zinaakaabiranga mu bigulumu by’ebigo byabwe,
ebibe bikaabire mu mbiri zaabwe ezitemagana.
Ekiseera kyakyo kinaatera okutuuka,
ennaku ze teziryongerwako.

# 14

1 MUKAMA Katonda alikwatirwa Yakobo ekisa,
addemu alonde Isirayiri
abazze ku ttaka lyabwe.
Ne bannamawanga balibeegattako
era babeere wamu nga babeeyungiddeko ddala.

2 N’amawanga mangi galibayamba
okudda mu nsi yaabwe,
n’ennyumba ya Isirayiri ebeere n’abantu
abamawanga amangi mu nsi ya MUKAMA Katonda, nga baweereza baabwe abasajja n’abakazi.
Baliwamba abaali babawambye,
bafuge abo abaabakijjanyanga.
3 Awo olunaku MUKAMA Katonda lw’alibawa okuwummula okuva mu
kulumwa kwammwe n’okukijjanyizibwa kwe mubaddemu nga mukoze-
sebwa,
4 oligera olugero luno ku kabaka w’e Babulooni n’oyogera nti:
Omujoozi ng’agudde n’aggwaawo!
Ekibuga ekya zaabu ekibadde kitutigomya nga tekikyaliwo!
5 MUKAMA Katonda amenye omuggo ogw’abakozi b’ebibi,
omuggo gw’obwakabaka ogw’abo abafuga.
6 Ogwakubanga olutata
amawanga n’obusungu,
ogwafugisanga amawanga ekiruyi,
ne gubayigganyanga nga tewali aguziyiza.
7 Ensi yonna ewummudde eri mu mirembe,
era batandise okuyimba.
8 Si ekyo kyokka n’enfugo n’emivule gya Lebanooni,
nagyo gikuyeeyeereza nti,
“Kasookanga ogwa
tebangayo ajja kututema.”

9 Amagombe wansi gagugumuka ku lulwo
okukusisinkana ng’ojja,
gagolokosa emyoyo gy’abafu ku lulwo,
bonna abaali abakulembeze b’ensi;
gayimusizza bakabaka ku ntebe zaabwe,
bonna abaali bakabaka baamawanga.
10 Abo bonna balyogera
ne bakugamba nti,
“Naawe oweddemu amaanyi nga ffe!
Naawe ofuuse nga ffe!”
11 Ekitiibwa kyo kyonna kissibbwa emagombe,
awamu n’amaloboozi g’ennanga zo;
bakwalidde envunyu,
n’ensiriŋŋanyi zikubisseeko.

12 Ng’ogudde okuva mu ggulu,
ggwe emunyeenye ey’enkya, omwana w’emambya!
Ng’otemeddwa n’ogwa ku ttaka,
ggwe eyamegganga amawanga!
13 Wayogera mu mutima gwo nti,
“Ndirinnya mu ggulu,
ndigulumiza entebe yange
okusinga emunyeenye za Katonda;
era nditeeka entebe yange waggulu ntuule
ku lusozi olw’okukuŋŋaanirako ku njuyi ez’enkomerero ez’obukiikakkono;

14 ndyambuka okusinga ebire we bikoma,
ndyoke nfuuke ng'oyo ali waggulu ennyo."
15 Naye ossibbwa wansi emagombe,
ku ntobo y'obunnya.

16 Abo abanaakulabanga banaakwekalirizanga
bakwewuunye nga bagamba nti,
"Ono si ye musajja eyayugumyanga ensi,
ng'anyeenyanyeenya obwakabaka!
17 Eyafuula ensi okuba eddungu
n'asuula ebibuga byayo,
atakkirizanga bawambe kudda waabwe!"

18 Bakabaka bonna ab'ensi bagalamidde mu kitiibwa,
buli omu mu ntaana ye,
19 naye osuulibbwa okukuggya mu malaalo go
ng'ettabi ery'omuzizo eryakyayibwa,
ng'oteekeddwa wamu n'abattibwa, abaafumitibwa n'ekitala,
abakka eri amayinja g'obunnya;
ng'omulambo ogulinyiriddwa.
20 Toligattibwa n'abo mu kuziikibwa
kubanga wazikiriza ensi yo n'otta abantu bo;
ezzadde ly'abo abaakola ebibi
teriryongerwako n'akatono.
21 Mutegeke ekifo batabani be we banattirwa
olw'obutali butuukirivu bwa bakitaabwe,
baleme okugolokoka ne balya ensi,
ne bajjuza ensi yonna ebibuga byabwe.

22 "Nange ndibagolokokerako," bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye,
"ne mmalawo mu Babulooni erinnya lye, n'abalifikkawo,
n'omwana n'omuzzukulu,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
23 "Era ndimufuula obutaka bw'ebiwuugulu,
n'entobazzi
era mwere n'olweyo oluzikiriza,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye.

### *Obunnabbi bw'Okusuulibwa kwa Bwasuli*

24 MUKAMA Katonda ow'Eggye alayidde n'ayogera nti,
"Ddala nga bwe nalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo
era nga bwe nateesa,
bwe kirinywera bwe kityo.
25 Ndimenyera Omwasuli mu nsi yange,
era ndimulinnyirira ku nsozi zange.
Ekikoligo kye kiribavaako,
n'omugugu gwe guliggyibwa ku kibegabega kye."

26 Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna:
era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.
27 Kubanga MUKAMA Katonda ow'Eggye ye yateesa, kale ani ayinza okukijjulula?
Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo?

### *Obunnabbi Obukwata ku Bufirisuuti*

28 Mu mwaka kabaka Akazi mwe yafiira ne wabaawo obubaka buno.
29 Tosanyuka ggwe Bufirisuuti yonna,
kubanga omuggo ogwakukuba gumenyese,
ne ku kikolo ky'omusota kulivaako enswera,
n'ezzadde lyalyo liriba musota ogw'obusagwa oguwalabuka.
30 Abasingirayo ddala okuba abaavu balifuna ekyokulya,
n'abali mu kwetaaga balifuna ku tulo
naye ekikolo kyo ndikittisa enjala
ate abo abalisigalawo mbattise ekitala.

31 Leekaana ggwe wankaaki, kaaba ggwe ekibuga,
osaanuuke olw'entiisa ggwe Bufirisuuti yonna!
Kubanga mu bukiikakkono muvaamu omukka,
eggye ery'abalwanyi omutali munafu.
32 Kale kiki kye banaddamu
ababaka b'eggwanga eryo?
"Mukama yassaawo Sayuuni,
ne mu kyo abantu be ababonyaabonyezebwa mwe balifuna obuddukiro."

# 15

### *Obunnabbi Obukwata ku Mowaabu*

1 Mu kiro kimu kyokka Ali ekya Mowaabu kirizikirizibwa
ne kimalibwawo.
Kiiri* ekya Mowaabu nakyo
ne kizikirizibwa mu kiro!
2 Abantu b'e Diboni bambuse ku lusozi
okukaabira mu ssabo lyabwe.
Abantu ba Mowaabu bakaaba bakungubagira ebibuga byabwe ebya Nebo ne Medeba.
Buli mutwe gwonna gumwereddwako enviiri
na buli kirevu kyonna kimwereddwa.
3 Beesibye ebibukutu mu nguudo;
ku nnyumba waggulu era ne mu bibangirize ebinene eby'omu bibuga bakaaba.
Buli muntu atema emiranga
n'abikaabira amaziga amayitirivu.
4 Kesuboni ne Ereyale bakaaba mu ddoboozi ery'omwanguka,
n'amaloboozi gaabwe gawulikika e Yakazi.
Abasajja ba Mowaabu abalina ebyokulwanyisa kyebava bakaaba mu ddoboozi ery'omwanguka,
emmeeme ekankanira munda mu Mowaabu.

5 Omutima gwange gukaabira Mowaabu;
abantu be babundabunda, baddukira e Zowaali
ne Yegulasuserisiya.
Bambuka e Lakisi
nga bwe bakaaba;
bakaabira mu kkubo ery'e Kolonayimu
nga boogera ku kuzikirizibwa kwabwe.

---

* **15:1** Ali ne Kiiri bye bibuga ebikulu eby'Abamowaabu.

6 Amazzi g’e Nimulimu gakalidde,
omuddo guwotose,
omuddo omugonvu, guggwaawo,
tewali kintu kimera.
7 Abantu basomoka akagga ak’enzingu
nga badduka n’ebintu byabwe bye baafuna ne babitereka.
8 Okukaaba kwetooloodde ensalo za Mowaabu;
amaloboozi gatuuse e Yegalayimu,
n’ebiwoobe ne bituuka e Beererimu.
9 Amazzi g’e Diboni gajjudde omusaayi,
naye ndyongera okuleeta ebirala ku Diboni;
empologoma egwe ku abo abalisigalawo mu Mowaabu,
ne ku abo abalisigalawo ku nsi.

# 16

1 “Muweereze abaana b’endiga
eri oyo afuga ensi,
okuva e Seera, ng’oyita mu ddungu,
okutuuka ku lusozi lwa Muwala wa Sayuuni.
2 Ng’ennyonyi ezabulwako ekisu
n’ezisaasaana nga zidda eno n’eri,
bwe batyo bwe baliba abawala ba Mowaabu
awasomokerwa Alunooni.*

3 “Tuwe ku magezi,
tubuulire, tukole tutya?
Mutusiikirize mubeere ng’ekittuluze
wakati mu ttuntu,
Abajja bagobebwa mubakweke,
abajja badaaga temubalyamu lukwe.
4 Muleke aba Mowaabu abajja bagobebwa babeere nammwe.
Mubataakirize oyo ayagala okubamalawo.”

Omujoozi bw’aweddewo,
n’okubetentebwa ne kuggwaawo;
omulumbaganyi aliggwaawo mu nsi.
5 Entebe ey’obwakabaka eryoke etekebwewo mu kwagala,
era ku yo kutuuleko omufuzi ow’omu nnyumba ya Dawudi
alamula mu bwesigwa
era anoonya obwenkanya
era ayanguwa okukola eby’obutuukirivu.

6 Tuwulidde amalala ga Mowaabu,
nga bw’ajjudde okwemanya,
n’amalala ge n’okuvuma;
naye okwemanya kwe tekugasa.
7 Noolwekyo leka Mowaabu akaabe,
leka buli muntu akaabire ku Mowaabu.
Mukungubage,
musaalirwe obugaati bw’emizabbibu egy’e Kirukalesesi.
8 Ennimiro ez’e Kesuboni zikaze,

* **16:2** Alunooni mugga mukulu mu Mowaabu; guli nsalo ey’obukiikakkono

n'emizabbibu gy'e Sibuma giweddewo.
Abafuzi b'amawanga batemeddewo ddala
emiti gyabwe egyasinganga obulungi,
egyabunanga ne gituuka e Yazeri
nga giggukira mu ddungu
n'emitunsi nga gibuna
nga gituukira ddala mu nnyanja.
9 Noolwekyo kyenva nkaaba amaziga nga Yazeri bw'akaaba
olw'omuzabbibu ogw'e Sibuma.
Nakufukirira nkutobye n'amaziga gange,
ggwe Kesuboni ne Ereyale:
kubanga essanyu ery'ebibala byo
n'ebyokukungula byo lizikiziddwa.
10 Ennimiro engimu ziweddemu essanyu n'okweyagala;
ne mu nnimiro z'emizabbibu temuliba ayimba wadde aleekaana;
mu masogolero temulibaamu musogozi asogoleramu nvinnyo;
okuleekaana kw'omusogozi ng'asogola kukomye.
11 Omutima gwange kyeguva gukaabira Mowaabu mu ddoboozi ng'ery'ennanga,
emmeeme yange munda n'ekaabira Kirukeresi.
12 Awo Mowaabu bw'alyeyanjula, mu bifo ebigulumivu,
alyekooya yekka;
bw'aligenda okusamira,
tekirimuyamba.
13 Ekyo kye kigambo MUKAMA kye yayogera ku Mowaabu mu biro
eby'edda.
14 Naye kaakano MUKAMA Katonda agamba nti, "Mu myaka esatu,
ng'omukozi gwe bapangisizza bwe yandigibaze, ekitiibwa kya Mowaabu
kijja kuba nga kifuuse ekivume ekinyoomebwa, newaakubadde ng'alina
ekibiina ekinene; era walisigalawo abantu batono ate nga banafu ddala."

# 17

### *Obubaka Obukwata ku Ddamasiko*

1 "Laba Ddamasiko tekikyali kibuga,
kifuuse matongo.
2 Ebibuga bya Aloweri babidduseemu:
birirekerwa ensolo mwe zinaagalamiranga
nga tewali azikanga.
3 Ekigo eky'amaanyi kirisaanyizibwawo mu Efulayimu,
n'obwakabaka mu Ddamasiko bulimalibwawo;
naye abalisigalawo mu Busuuli,
baliba n'ekitiibwa ng'eky'abaana ba Isirayiri,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye.

4 "Awo olulituuka ku lunaku luli, ekitiibwa kya Yakobo kirikendeera;
era akoggere ddala.
5 Ne kiba ng'omukunguzi bw'akuŋŋaanya eŋŋaano,
n'omukono gwe ne gukungula empeke;
weewaawo kiriba ng'omuntu bw'alonda ebinywa by'eŋŋaano
mu Kiwonvu kya Lefayimu.
6 Naye mulisigalamu ebinywa ebirondererwa
ng'omuzeyituuni bwe gubeera nga gukubiddwa,

ne guleka ebibala bibiri oba bisatu waggulu ku busongezo,
bina oba bitaano ku busongezo bw'omuti omugimu,"
bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri.

7 Ku lunaku luli abantu balirowooza ku Mutonzi waabwe,
n'amaaso gaabwe galikyukira Omutukuvu wa Isirayiri.
8 So tebalirowooza ku byoto bya balubaale baabwe,
emirimu gy'emikono gyabwe, be beekolera,
oba empagi za katonda wa Baasera
oba ebyoto kwe bootereza obubaane.
9 Mu biro ebyo ebibuga byabwe eby'amaanyi Abayisirayiri bye baa-
balesa, biriba ng'ebifo ebyameramu ebisaka ne kalandalugo. Byonna
birisigala matongo.
10 Weerabidde Katonda Omulokozi wo,
so tojjukidde Lwazi lwa maanyi go;
kyova osimbamu ebisimbe eby'okukusanyusa
n'osigamu omuzabbibu oguvudde ebweru.
11 Wadde obisimba bulungi nnyo ne bimera ku lunaku lw'obisimbye,
era ne bimerusa ensigo ku makya kwennyini kwe bisimbiddwa,
tolibaako ky'okungula
wabula obulumi obutawonyezeka n'ennaku ey'ekitalo.

12 Woowe oluyoogaano olw'amawanga amangi,
bawuluguma ng'okuwuluguma kw'ennyanja esiikuuse!
Okuwuluguma kw'abantu,
bawuluguma ng'amazzi agayiika n'amaanyi amangi!
13 Wadde amawanga galiwuuma n'okuwulikika ne gawulikika ng'amazzi agayiika n'amaanyi amangi,
MUKAMA bw'aligagoba, galibulawo mbagirawo.
Galiba ng'ebisusunku bwe bitwalibwa empewo;
era ng'enfuufu ekunta nga yeetooloola, enkuba ng'eneetera okutonnya.
14 Entiisa ey'amaanyi eribagwako akawungeezi.
Buliba tebunnakya ng'abalabe bonna tewakyali.
Guno gwe mugabo gw'abo abatunyaga,
era y'empeera y'abo abatunyagako ebyaffe.

# 18

*Obunnabbi Obukwata ku Kuusi*

1 Zikusanze, ggwe ensi ey'ebiwaawaatiro ebikwakwaya,
eri emitala w'emigga gya Kuusi,*
2 etuma ababaka ne bagendera mu maato
ag'ebitoogo ku nnyanja.

Mugende mmwe ababaka abangu, eri abantu abawanvu ab'emibiri emiweweevu,
eri abantu abatiibwa abeewala n'ab'okumpi,
eggwanga ery'amaanyi eryogera olulimi olutamanyiddwa,
ensi eyawulwamu emigga.

* **18:1** Mu biro bya Isaaya, waaliwo bafalaawo aba Esiyopya abaafuganga Misiri. Abo be baanoonya okubeerwa okuva eri Abapalesitayini, balwanyise Bwasuli

3 Mmwe mwenna abantu abali mu nsi,
mmwe ababeera ku nsi,
bendera lweriwanikibwa ku nsozi,
muligiraba,
era ekkondeere bwe lirifuuyibwa,
muliriwulira.
4 Kubanga bw'atyo MUKAMA bw'aŋŋambye nti,
"Ndyesirikira ntunule nga nsinziira ewange,
ng'olubugumu olutemagana mu musana,
ng'ekire ky'omusulo mu lubugumu olw'omu biro eby'amakungula."
5 Kubanga okukungula kuliba tekunatuuka,
okumulisa nga kuwedde, n'ekimuli nga kifuuka zabbibu eyengedde,
aliwawaagula obutabi n'ebiwabyo,
n'amatabi agalanda aligasalira.
6 Gonna galirekerwa ennyonyi ez'oku nsozi ezirya ebiramu
n'ensolo ez'ensi.
Era ennyonyi ezirya ebiramu zirye okwo mu biseera by'ekyeya,
n'ensolo zonna ez'omu nsiko zirye okwo mu biseera by'obunnyogovu.
7 Mu kiseera ekyo MUKAMA Katonda ow'Eggye balimuleetera ebirabo,
ensi ey'abantu abawanvu ab'emibiri emiweweevu,
abantu abatiibwa abeewala n'abookumpi,
ensi ey'eryanyi,
eyawulwamu emigga,
ku lusozi Sayuuni ekifo ky'erinnya lya MUKAMA Ayinzabyonna.

# 19

*Obunnabbi Obukwata ku Misiri*

1 Obunnabbi obukwata ku Misiri:
Laba, MUKAMA yeebagadde ku kire ekidduka ennyo
ajja mu Misiri.
Ne bakatonda b'e Misiri balijugumira mu maaso ge,
n'emitima gy'Abamisiri girisaanuukira munda mu bo.

2 Era ndiyimusa Abamisiri okulwana n'Abamisiri,
balwane buli muntu ne muganda we,
na buli muntu ne muliraanwa we;
ekibuga n'ekibuga,
obwakabaka n'obwakabaka.
3 Abamisiri baliggwaamu omwoyo
era entegeka zaabwe zonna ndizitta;
era baliragulwa ebifaananyi ebibajje, n'abasamize,
n'abaliko emizimu n'abalogo.
4 Era ndigabula Abamisiri
mu mukono gw'omufuzi omukambwe,
era kabaka ow'entiisa alibafuga,*
bw'ayogera Mukama, MUKAMA Katonda ow'Eggye.

5 Omugga gulikalira
n'entobo y'omugga ekale ejjemu enjatika.
6 N'emikutu giriwunya ekivundu,

---

* **19:4** Mu 712, Kabaka Sabaka ow'e Esiyopya n'afuga Misiri

n'emyala egiyiwa mu mugga omunene nagyo gikale;
ebitoogo n'essaalu nabyo biwotoke.
7 Ebimera ebiri ku Kiyira,
ku lubalama lwa Kiyira kwennyini,
ne byonna ebyasimbibwa ku Kiyira,
birikala, birifuumuulibwa ne biggweerawo ddala.
8 Era n'abavubi balisinda ne bakungubaga,
n'abo bonna abasuula amalobo mu Kiyira
balijjula ennaku, abatega obutimba baliggweeramu ddala amaanyi.
9 Era nate n'abo abakozesa obugoogwa obusunsule balinafuwa,
n'abo abaluka engoye enjeru mu linena nabo bakeŋŋentererwe.
10 Abakozi balikwatibwa ennaku,
bonna abakolera empeera ne baggwaamu omwoyo.
11 Abakulu ab'e Zowani basiruwalidde ddala,
n'abagezigezi ba Falaawo bye boogera tebiriimu nsa.
Mugamba mutya Falaawo nti,
"Ndi mwana w'abagezi, omwana wa bassekabaka ab'edda"?
12 Kale nno abasajja bo ab'amagezi bali ludda wa?
Leka bakubuulire bakutegeeze
MUKAMA Katonda ow'Eggye
ky'ategese okutuusa ku Misiri.
13 Abakungu ab'e Zowani basiriwadde,
abakungu ab'e Noofu balimbiddwa,
abo ababadde ejjinja ery'oku nsonda ery'ebika by'eggwanga
bakyamizza Misiri.
14 MUKAMA abataddemu
omwoyo omubambaavu
era baleetedde Misiri okutabukatabuka mu byonna by'ekola,
ng'omutamiivu atagalira mu bisesemye bye.
15 Tewali mukulembeze newaakubadde afugibwa,
agasa ennyo oba agasa ekitono mu Misiri alibaako ky'akola.
16 Ku lunaku luli Abamisiri balibeera ng'abakazi. Balikankana n'entiisa
olw'omukono gwa MUKAMA Katonda ow'Eggye ogugoloddwa gye bali.
17 N'ensi ya Yuda erifuuka ntiisa eri Misiri, buli muntu anagibuulirwan-
gako anatyanga, olw'okuteesa kwa MUKAMA Katonda ow'Eggye kw'ateesa
ku yo.
18 Ku lunaku olwo walibaawo ebibuga bitaano mu nsi y'e Misiri
ebyogera olulimi lwa Kanani, era birirayira okwekwata ku MUKAMA
Katonda ow'Eggye. Ekimu kiriyitibwa Ekibuga Ekyokuzikirira.
19 Ku olwo waliteekebwawo ekyoto kya MUKAMA wakati mu nsi y'e
Misiri, era n'ekijjukizo kya MUKAMA Katonda kiteekebwe ku nsalo.
20 Kaliba kabonero era bujulizi eri MUKAMA Katonda ow'Eggye mu
nsi y'e Misiri. Kubanga balikoowoola MUKAMA nga balumbiddwa, naye
alibaweereza omulokozi, era abalwanirira, era alibalokola.
21 Noolwekyo MUKAMA alimanyibwa mu Misiri, n'Abamisiri balimanya
MUKAMA era bamusinze ne ssaddaaka, n'ebirabo era balyeyama ob-
weyamo eri MUKAMA ne babutuukiriza.
22 Era MUKAMA alibonereza Misiri, ng'akuba, ate ng'awonya. Nabo
balidda gy'ali, balimwegayirira era alibawonya.
23 Ku olwo walibaawo oluguudo olugazi oluva mu Misiri olugenda mu
Bwasuli, n'Omwasuli alijja mu Misiri, n'Omumisiri n'agenda mu Bwasuli;
n'Abamisiri balisinziza wamu n'Abaasuli.

24 Ku olwo Isirayiri eriba yakusatu wamu ne Misiri n'Obwasuli,
baliweesa ensi omukisa.
25 Kubanga MUKAMA Katonda ow'Eggye abawadde omukisa, ng'ayogera
nti, "Baweebwe omukisa Misiri abantu bange, n'Obwasuli omulimu
gw'emikono gyange, ne Isirayiri obusika bwange."

# 20

*Obunnabbi Obukwata ku Misiri ne Kuusi*

1 Mu mwaka Talutani omuduumizi w'oku ntikko mwe yajjira mu
Asudodi ng'atumiddwa Salugoni kabaka we Bwasuli n'alwana ne Asudodi
n'akiwamba;
2 mu kiseera ekyo MUKAMA Katonda n'ayogera ne Isaaya mutabani
wa Amozi nti, "Genda osumulule ebibukutu mu kiwato kyo era oyam-
bulemu engatto mu bigere byo." N'akola bw'atyo n'atambula engatto
ng'aziggyemu.
3 MUKAMA Katonda n'ayogera nti, "Ng'omuddu wange Isaaya bwe yatam-
bula obwereere emyaka esatu nga tayambadde ngoye wadde engatto
okuba akabonero n'ekyewuunyo ku Misiri ne ku Kuusi;
4 bw'atyo kabaka w'e Bwasuli bw'aliwambira ddala Abamisiri, ali-
waŋŋangusa Abakuusi, abato n'abakulu nga bali bwereere nga tebalina
na ngatto, amakugunyu gaabwe nga tegabikiddwako, Misiri ekwatibwe
ensonyi.
5 Era balitya bakwatibwe ensonyi olwa Kuusi essuubi lyabwe, n'olwa
Misiri ekitiibwa kyabwe.
6 Ku olwo abantu abatuula ku lubalama lw'ennyanja baligamba nti,
'Mulabe ekigudde ku bantu be tubadde twesiga okutukuuma, gye twadda
tuwonyezebwe nga tudduka kabaka w'e Bwasuli! Kaakano ffe tunaa-
wonyezebwa tutya?' "

# 21

*Obunnabbi Obukwata ku Babulooni*

1 Obunnabbi obukwata ku Ddungu eririraanye ennyanja:
Ng'embuyaga bwe zikunta nga ziyita mu nsi ey'obukiikaddyo,
bw'atyo alumba bw'ava mu ddungu
eririraanye ensi etiisa.

2 Nfunye okwolesebwa okw'entiisa:
alyamu olukwe akola omulimu gwe, n'omunyazi anyaga.
Eramu, lumba! Obumeedi zingiza!
Ndikomya okusinda kwonna kwe yaleeta.

3 Omubiri gwange kyeguvudde gulumwa,
n'obulumi bunkwata, ng'omukazi alumwa okuzaala;
nnyiize olw'ebyo bye mpulira,
bye ndaba bimazeemu amaanyi.
4 Omutima gwange gutya,
Entiisa endetera okukankana;
Akasendabazaana ke nnali njayaanira,
kanfukidde ekikankano.

5 Bateekateeka olujjuliro,
bayalirira ebiwempe,

ne balya, ne banywa!
Mugolokoke mmwe abakulembeze,
musiige engabo amafuta.
6 Kino Mukama ky'aŋŋamba nti,
"Genda ofune omukuumi
akuleetere amawulire ku ebyo by'alaba.
7 Bw'alaba amagaali
n'ebibinja by'embalaasi,
n'abeebagazi ku ndogoyi
oba abeebagazi ku ŋŋamira
yeekuume,
era yeegendereze."
8 Awo omukuumi n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba
nti,
"Mukama wange, buli lunaku nnyimirira ku munaala,
buli kiro mbeera ku mulimu gwange.
9 Laba omusajja wuuno ajjira mu ggaali,
ng'alina n'ekibinja ky'embalaasi.
Era ayanukula bw'ati nti,
'Babulooni kigudde, weewaawo kigudde.
Ebifaananyi bya bakatonda baakyo byonna
bibetenteddwa wansi ku ttaka.' "

10 Abantu bange, abasesebbuddwa ku gguuliro,
mbategeeza kyempulidde okuva eri MUKAMA Katonda ow'Eggye,
Katonda wa Isirayiri.

### *Obunnabbi Obukwata ku Edomu*

11 Obunnabbi obukwata ku Duuma:
Waliwo ankowoola okuva mu Seyiri ng'ayogera nti,
"Omukuumi, bunaakya ddi?
Omukuumi, bunaakya ddi?"
12 Omukuumi ayanukula bw'ati nti,
"Bulikya, era buliziba.
Bw'obaako ne ky'obuuza kibuuze
okomewo nate."

### *Obunnabbi Obukwata ku Buwalabu*

13 Obunnabbi obukwata ku Buwalabu:
Mmwe Abadedeni abatambulira mu bibinja,
abasiisira mu bisaka bya Buwalabu,
14 muleetere abalumwa ennyonta amazzi; mmwe ababeera mu Teema,
muleetere abanoonyi b'obubudamu emmere.
15 Badduka ekitala,
badduka ekitala ekisowole,
badduka omutego ogunaanuddwa,
badduka n'akabi k'entalo.
16 Bw'ati Mukama bw'aŋŋamba nti, "Mu mwaka gumu, ng'endagaano
gye bakolera omukozi bw'eba, ekitiibwa kyonna ekya Kedali kirikoma.
17 Ku b'obusaale abaliwona, ne ku basajja abalwanyi abazira ab'e Kedali,
walisigalawo batono." MUKAMA Katonda wa Isirayiri ayogedde.

# 22

### *Obunnabbi Obufa ku Yerusaalemi*

1 Obunnabbi obukwata ku Kiwonvu ky'Okwolesebwa:
Kiki ekikutawanya kaakano,
n'okulinnya n'olinnya waggulu ku busolya,
2 ggwe ekibuga ekijjudde oluyoogaano,
ggwe ekibuga eky'amasanyu era eky'ebinyumu?
Abantu bo abattibwa,
tebaafa kitala newaakubadde okufiira mu lutalo.
3 Abakulembeze bo bonna baddukidde wamu;
bawambiddwa awatali kulwana.
Bonna baakwatibwa ne batwalibwa wamu nga basibe,
kubanga badduka.
4 Kyenava njogera nti, "Munveeko,
mundeke nkaabire ddala nnyo.
Temugezaako kunsaasira
olw'okuzikirizibwa kw'omuwala w'abantu bange."

5 Mukama, MUKAMA Katonda ow'Eggye alina olunaku
olw'akatabanguko,
olw'okulinyirirwa n'entiisa mu Kiwonvu ky'Okwolesebwa;
olunaku olw'okumenya bbugwe,
n'okukaabirira ensozi.
6 Eramu ayambalidde omufuko gw'obusaale,
n'atwala n'abavuzi b'amagaali ge n'embalaasi,
Kiri* asabuukulula engabo.
7 Ebiwonvu byo ebisinga obulungi bijjudde amagaali,
n'abeebagala embalaasi bassibbwa ku wankaaki.

8 Okwerinda kwa Yuda kuggyiddwawo.
Ku lunaku olwo watunuulira
ebyokulwanyisa eby'omu Lubiri olw'Ekibira.
9 Walaba amabanga agaali mu kwerinda
kw'Ekibuga kya Dawudi,
wakuŋŋaanya amazzi
mu Kidiba eky'Emmanga.
10 Wabala ebizimbe mu Yerusaalemi
n'omenya amayumba okusobola okunyweza bbugwe.
11 Wasima ekidiba omuterekebwa amazzi wakati w'ebisenge ebibiri,
n'okuŋŋaanya ag'ekidiba ekikadde,
naye tewatunuulira Oyo eyakisima,
wadde okussaamu ekitiibwa Oyo eyakiteekateeka mu biro eby'edda.

12 Ku lunaku olwo MUKAMA Katonda ow'Eggye
yalangirira okukaaba n'okukuba ebiwoobe,
n'okwemwako enviiri
n'okwambala ebibukutu.
13 Naye laba, ssanyu na kujaguza,
okubaaga ente n'okutta endiga,
okulya ennyama n'okunywa envinnyo.
Mwogere nti, "Leka tulye, era tunywe

---

* **22:6** Kiri Kifo ekisangibwa mu Bwasuli

kubanga enkya tunaafa."
14 MUKAMA ow'Eggye akimbikulidde n'aŋŋamba nti, "Ekibi kino
tekirisonyiyibwa wadde okuggyibwawo okutuusa lw'olifa," bw'ayogera
MUKAMA Katonda ow'Eggye.
15 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Genda eri omuwanika oyo,
eri Sabuna avunaanyizibwa olubiri omugambe nti,
16 Okola ki wano era ani yakuwadde olukusa
okwetemera entaana wano,
n'otema n'amaanyi entaana yo waggulu mu lwazi,
ne weerongoosereza eyo ekifo eky'okuwummuliramu?

17 "Weegendereze MUKAMA Katonda anaatera okukuvumbagira,
akuggyewo ggwe omusajja ow'amaanyi.
18 Alikuzingazingako,
n'akukanyuga mu nsi engazi, nga bwe yandikanyuze omupiira ogusambwa.
Eyo gy'olifiira,
era eyo amagaali go ag'ekitiibwa gye galisigala,
ggwe ensonyi ez'ennyumba ya MUKAMA wo.
19 Ndikuggya ku ntebe yo,
era oliggyibwa mu kifo kyo.
20 "Mu biro ebyo nditumya omuweereza wange Eriyakimu mutabani wa
Kirukiya.
21 Ndimwambaza ekyambalo kyo, ne munyweza n'olukoba lwo, ne
mukwasa obuyinza bwo. Aliba kitaawe w'abo ababeera mu Yerusaalemi,
n'eri ennyumba ya Yuda.
22 Ndimukwasa ekisumuluzo ky'ennyumba ya Dawudi; bw'aliggulawo
tewaliba aggalawo, bw'aliggalawo tewaliba aggulawo.
23 Ndimunyweza mu kifo ng'enkondo ennene, era aliba ntebe ya kitiibwa
eri ennyumba ya kitaawe.
24 Ekitiibwa ky'ennyumba ye kiribeera ku nnyumba ye, ne ku zadde lye
ne ku nda ye yonna, ne ku bintu bye ebinywerwamu, okuva ku bibya
okutuuka ku nsumbi."
25 Bw'ati bw'ayogera Katonda ow'Eggye nti, "Ku lunaku olwo, enkondo
ennene eyakomererwa mu kifo n'enywera erisalibwa, n'eneguka, n'egwa,
n'omugugu gw'ekutte gulisarwako." MUKAMA ayogedde.

# 23

### *Obunnabbi Obukwata ku Tuulo*

1 Obunnabbi obukwata ku Tuulo:
Mukube ebiwoobe, mmwe ebyombo by'e Talusiisi,
kubanga Tuulo kizikirizibbwa
ne mutasigala nnyumba newaakubadde ebyombo we biyinza okugobera.
Ekigambo kyababikulirwa
okuva mu nsi ya Kittimu.

2 Musirike mmwe ab'oku kizinga
nammwe abasuubuzi b'e Sidoni
abagaggawalidde ku nnyanja.

3 Ku nnyanja ennene
kwajjirako ensigo za Sikoli,
n'ebyamakungula bya Kiyira bye byali amagoba ga Tuulo,
era yafuuka akatale k'amawanga.

4 Okwatibwe ensonyi ggwe Sidoni naawe ggwe ekigo ky'ennyanja,
kubanga ennyanja eyogedde nti:
"Sirumwangako kuzaala wadde okuzaalako.
Sirabiriranga baana babulenzi newaakubadde okukuza abaana aboobuwala."
5 Ekigambo bwe kirijja eri Misiri,
balinakuwalira ebigambo ebiva e Tuulo.

6 Muwunguke mugende e Talusiisi,
mukube ebiwoobe mmwe abantu ab'oku kizinga.
7 Kino kye kibuga kyammwe eky'amasanyu,
ekibuga ekikadde,
ekyagenda okusenga
mu nsi eyeewala?
8 Ani eyateekateeka kino okutuuka ku Tuulo,
Tuulo ekitikkira engule,
ekibuga ekirina abasuubuzi abalangira,
ekirina abasuubuzi abamanyifu mu nsi?
9 MUKAMA Katonda ow'Eggye yakiteekateeka,
amuggyemu amalala n'ekitiibwa kyonna,
akkakkanye n'abo bonna abamanyifu ku nsi.

10 Ne bw'otambula ku lukalu lwonna olw'omugga Kiyira,
tokyalina kifo ebyombo we bituukira ggwe muwala wa Talusiisi.
11 MUKAMA Katonda agolodde omukono gwe eri ennyanja,
n'akankanya obwakabaka bwayo.
Awadde ekiragiro ekikwata ku Kanani
nti ebigo byakyo birizikirizibwa.
12 Yayogera nti, "Tokyaddayo kukola bya masanyu nate,
ggwe muwala wa Sidoni embeerera obetenteddwa.
Yambuka osomoke ogende e Kittimu,
naye nayo tolifunirayo kuwummula."

13 Laba ensi ey'Abakaludaaya
abantu abo abatakyaliwo.
Omwasuli agifudde
ekifo ekibeeramu ensolo ez'omu ddungu.
Baayimusa eminaala gyabwe,
ne bamenya ebigo byabwe,
era n'abazikiriza.

14 Mukube ebiwoobe mmwe ebyombo by'e Talusiisi,
ekigo kyo kizikiriziddwa.
15 Mu biro ebyo Tuulo kiryerabirwa okumala emyaka nsanvu,
gy'emyaka kabaka gy'awangaala. Naye oluvannyuma lw'emyaka egyo
ensanvu, ekirituuka ku Tuulo kiriba ng'ekiri mu luyimba olw'omwenzi.
16 "Kwata ennanga, otambulire mu kibuga,

ggwe omwenzi eyeerabiddwa.
Ennanga gikube bulungi,
oyimbe ennyimba nnyingi olyoke ojjukirwe."
17 Oluvannyuma lw'emyaka ensanvu, MUKAMA alikyalira Tuulo. Alid-
dayo ku mulimu gwe ogw'obwamalaaya, era alibukola mu bwakabaka
bwonna obuli ku nsi.
18 Wabula amagoba ge ne byalifunamu biriyawulibwako bibe bya
MUKAMA, tebiriterekebwa newaakubadde okukwekebwa, omuntu oku-
bikozesa by'ayagala. Amagoba ge galigenda eri abo ababeera mu maaso
ga MUKAMA, basobole okuba n'emmere emala, n'okuba n'ebyambalo
ebirungi.

# 24

### *MUKAMA Ayogera ku Kuzikiriza Ensi*

1 Laba MUKAMA alifuula ensi amatongo,
agimalirewo ddala,
era azikirize n'obwenyi bwayo
era asaasaanye n'abagibeeramu.
2 Bwe kityo bwe kiriba,
ekiriba ku kabona kye kiriba ne ku bantu,
ekiriba ku mwami kye kiriba ne ku muweereza omusajja,
ekiriba ku mugole we kye kiriba ne ku muweereza we omukazi,
ekiriba ku atunda kye kiriba ne ku muguzi,
ekiriba ku awola kye kiriba ne ku yeewola,
ekiriba ku abanja kye kiriba ne ku abanjibwa.
3 Okumalibwamu ensa, ensi erimalibwamu ddala ensa,
n'okunyagibwa, erinyagibwa.
MUKAMA Katonda y'akyogedde.

4 Ensi ekala n'eggwaamu obulamu,
ensi ekala n'ewuubaala,
abantu ab'ekitiibwa baggwaamu amaanyi.
5 Ensi eyonooneddwa abantu baayo,
bajeemedde amateeka,
bamenye ebiragiro,
ne bamenyawo n'endagaano ey'emirembe n'emirembe.
6 Noolwekyo ekikolimo kimalawo ensi;
n'abantu baayo bateekwa okusasula olw'omusango ogwabasinga.
Abatuuze b'ensi bayidde,
Era abatono be basigaddewo.
7 Wayini omusu aggwaamu, n'omuzabbibu gukala,
ab'amasanyu bonna bakaaba olw'obulumi.
8 Okujaguza kw'ebitaasa kusirise,
n'oluyoogaano lw'abo ababeera mu masanyu lusirise,
entongooli esanyusa esirise.
9 Tebakyanywa nvinnyo nga bwe bayimba,
n'omwenge gukaayira abagunywa.
10 Ekibuga ekyazikirizibwa kisigadde nga matongo,
na buli mulyango oguyingira mu nnyumba guzibiddwa.
11 Bakaabira envinnyo mu nguudo,
n'essanyu lyonna liweddewo,
n'okujaguza kwonna tekukyaliwo mu nsi.

12 Ekibuga kizikiridde
wankaaki waakyo amenyeddwamenyeddwa.
13 Bwe kityo bwe kiriba ku nsi
ne mu mawanga
ng'omuzeyituuni bwe gunyeenyezebwa
oba ng'ebinywa ebisigaddewo bwe bibeera oluvannyuma lw'okukungula kw'ezabbibu.

14 Bayimusa amaloboozi gaabwe, baleekaana olw'essanyu,
batendereza ekitiibwa kya MUKAMA Katonda okuva mu bugwanjuba.
15 Noolwekyo abo abali mu buvanjuba mugulumize MUKAMA,
mutendereze erinnya lya MUKAMA Katonda wa Isirayiri,
mu bizinga eby'ennyanja.
16 Tuwulira okuyimba okuva ku nkomerero y'ensi,
"Ekitiibwa kibeere eri Omutuukirivu."

Naye ne njogera nti, "Nsanawo, nsanawo.
Zinsaze.
Ab'olukwe balya mu bannaabwe olukwe,
Ab'enkwe bakozesa enkwe okulya mu bannaabwe olukwe."
17 Entiisa n'obunnya n'omutego bibalindiridde,
mmwe abantu b'ensi.
18 Buli alidduka eddoboozi ery'entiisa,
aligwa mu kinnya,
na buli alirinnya n'ava mu kinnya
alikwatibwa mu mutego.

Enzigi z'eggulu ziguddwawo,
N'emisingi gy'ensi gikankana.
19 Ensi emenyeddwamenyeddwa,
ensi eyawuliddwamu,
ensi ekankanira ddala.
20 Ensi etagala ng'omutamiivu,
eyuugayuuga ng'akasiisira bwe kayuugayuuga mu kibuyaga,
omusango gwe gumulumiriza nnyo olw'obujeemu bwe,
era ensi egwa n'etaddamu kuyimuka.

21 Ku lunaku olwo MUKAMA Katonda alibonereza
ab'amaanyi abali waggulu mu bwengula,
ne bakabaka abali wansi ku nsi.
22 Balikuŋŋaanyirizibwa wamu
ng'abasibe bwe bakuŋŋanyirizibwa mu kkomera,
era baliweebwa ekibonerezo
eky'okuggalirwa mu kkomera ennaku ennyingi.
23 Omwezi gulitabulwatabulwa, n'enjuba eriswazibwa;
MUKAMA Katonda ow'Eggye alifugira mu kitiibwa
ku Lusozi Sayuuni ne mu Yerusaalemi,
ne mu maaso g'abakadde.

# 25

1 Ggwe, Ayi MUKAMA, gwe Katonda wange;
ndikugulumiza ne ntendereza erinnya lyo,
kubanga okoze ebintu eby'ettendo,

ebintu bye wateekateeka edda,
mu bwesigwa bwo.
2 Ekibuga okifudde ntuumu ya bisasiro,
ekibuga ekiriko ekigo okifudde matongo,
ekibuga omwaddukiranga bannaggwanga tekikyali kibuga,
tekirizimbibwa nate.
3 Abantu ab'amaanyi kyebaliva bakussaamu ekitiibwa
n'ebibuga eby'amawanga ag'entiisa birikutya.
4 Ddala obadde kiddukiro eri abaavu,
ekiddukiro eri oyo eyeetaaga,
ekiddukiro ng'eriyo embuyaga
n'ekisiikirize awali ebbugumu.
Omukka gw'ab'entiisa
guli ng'embuyaga ekuntira ku kisenge
5 era ng'ebbugumu ery'omu ddungu.
Osirisa oluyoogaano lw'abannaggwanga,
era ng'ekisiikirize eky'ekire bwe kikendeeza ebbugumu,
n'oluyimba lw'abakambwe bwe lusirisibwa.

6 Ku lusozi luno MUKAMA Katonda ow'Eggye aliteekerateekerako
abantu bonna ekijjulo eky'emmere ennungi,
n'embaga eya wayini omuka
n'ennyama esingayo obulungi, ne wayini asinga obulungi.
7 Ku lusozi luno alizikiriza
ekibikka ekyetoolodde abantu bonna,
n'eggigi eribikka amawanga gonna,
8 era alimalirawo ddala okufa.
MUKAMA Katonda alisangula amaziga
mu maaso gonna,
era aliggyawo okuswazibwa kw'abantu be
mu nsi yonna.
MUKAMA ayogedde.
9 Mu biro ebyo balyogera nti,
“Eky'amazima oyo ye Katonda waffe;
twamwesiga n'atulokola.
Ono ye MUKAMA Katonda twamwesiga;
tusanyukire mu bulokozi bwe, era tumujagulizeemu.”

10 Ddala omukono gwa MUKAMA Katonda guliwummulira ku lusozi luno,
naye Mowaabu alirinnyirirwa wansi we,
ng'essubi bwe lirinnyirirwa okukolamu ebijimusa.
11 Aligolola emikono gye,
ng'omuwuzi bw'agolola emikono gye ng'awuga.
Katonda alikkakkanya amalala ge
newaakubadde ng'emikono gye gikola eby'amagezi.
12 Alimenya bbugwe omuwanvu,
n'amusuula,
alimusuula ku ttaka,
mu nfuufu.

# 26

*Oluyimba olw'Okutendereza*

1 Mu biro ebyo oluyimba luno luliyimbibwa mu nsi ya Yuda.
Tulina ekibuga eky'amaanyi;
Katonda assaawo obulokozi
okuba bbugwe waakyo n'ekigo kyakyo.
2 Ggulawo wankaaki,
eggwanga ettukuvu liyingire,
eggwanga erikuuma okukkiriza.
3 MUKAMA alikuuma mirembe
oyo amaliridde okumwesiga mu mutima gwe.
4 Weesigenga MUKAMA ennaku zonna,
kubanga emirembe giri waggulu mu MUKAMA, MUKAMA Katonda oyo atoowaza.
5 MUKAMA lwe lwazi olutaggwaawo,
akkakkanya ekibuga eky'amalala,
akissa wansi ku ttaka,
n'akisuula mu nfuufu.
6 Kirinnyirirwa
ebigere by'abanyigirizibwa,
n'ebisinde by'abaavu.

7 Ekkubo ly'abatuukirivu ttereevu;
Ggwe atuukiridde, olongoosa olugendo lw'omutuukirivu.
8 Weewaawo MUKAMA Katonda tukulindirira
nga tutambulira mu mateeka go,
era erinnya lyo n'okumanyibwa kwo
kwe kwegomba kw'emitima gyaffe.
9 Omwoyo gwange gukuyaayaanira mu kiro,
omwoyo gwange gukunoonyeza ddala.
Bw'osalira ensi omusango,
abantu b'ensi bayiga obutuukirivu.
10 Omukozi w'ebibi ne bw'akolerwa ebyekisa,
tayiga butuukirivu.
Ne bw'abeera mu nsi ey'abatuukiridde,
yeeyongera kukola bibi, era talaba kitiibwa kya MUKAMA Katonda.
11 MUKAMA Katonda omukono gwo guyimusibbwa waggulu,
naye tebagulaba.
Ka balabe obunyiikivu bwo eri abantu bo baswazibwe,
omuliro ogwaterekerwa abalabe bo ka gubamalewo.
12 MUKAMA Katonda, otuteekerateekera emirembe,
n'ebyo byonna bye tukoze, ggw'obitukoledde.
13 Ayi MUKAMA Katonda waffe, abafuzi abalala batufuze nga wooli naye erinnya lyo lyokka lye tussaamu ekitiibwa.
14 Baafa, tebakyali balamu;
egyo emyoyo egyagenda tegikyagolokoka.
Wababonereza n'obazikiriza,
wabasaanyizaawo ddala bonna, ne watabaawo akyabajjukira.
15 Ogaziyizza eggwanga, Ayi MUKAMA Katonda
ogaziyizza eggwanga.
Weefunidde ekitiibwa,
era ogaziyizza ensalo zonna ez'ensi.

16 MUKAMA Katonda, bajja gy'oli mu nnaku yaabwe,
bwe wabakangavvula,

tebaasobola na kukusaba mu kaama.
17 Ng'omukyala ow'olubuto anaatera okuzaala,
bw'alumwa n'akaaba mu bulumi,
bwe tutyo bwe twali mu maaso go, Ayi MUKAMA Katonda.
18 Twali lubuto, twalumwa,
naye twazaala mpewo
Tetwaleeta bulokozi ku nsi,
tetwazaala bantu ba nsi.

19 Naye abafiira mu ggwe balirama,
emibiri gyabwe girizuukira.
Mugolokoke,
muleekaane olw'essanyu.
Ssuulwe wo ali ng'omusulo ogw'oku makya,
ensi erizaala abafudde.

20 Mugende abantu bange muyingire mu bisenge byammwe
muggalewo enzigi zammwe.
Mwekweke okumala akabanga katono,
okutuusa ekiruyi kye lwe kirimuggwaako.
21 Weewaawo laba MUKAMA Katonda ava mu kifo kye gy'abeera
okubonereza abantu b'ensi olw'ebibi byabwe.
Ensi erikwekula omusaayi ogwagiyiikako,
era teriddayo nate kukweka abattibwa.

# 27

*Okununulibwa kwa Isirayiri*

1 Mu biro ebyo,
MUKAMA Katonda alibonereza n'ekitala kye,
ekitala kye eky'amaanyi, ekikambwe era ekinene,
alibonereza Lukwata omusota ogwekulungula,
Lukwata omusota ogwezinga,
atte n'ogusota gw'ennyanja.
2 Mu biro ebyo
"Yimba oluyimba ku bibala eby'ennimiro ey'emizabbibu ebaze ebibala.
3 Nze MUKAMA Katonda, ennimiro nze ngirabirira
era nze ngifukirira buli kiseera.
Ngikuuma emisana n'ekiro
Waleme kubaawo n'omu agikola akabi.
4 Siri munyiivu.
Singa katazamiti n'amaggwa binnumba,
nandibitabadde mu lutalo?
Byonna nandibyokezza omuliro.
5 Oba si weewaawo ajje gye ndi afune obuddukiro, tutabagane,
weewaawo tutabagane."
6 Mu biro ebijja Yakobo alisimba emirandira,
Isirayiri aliroka n'amulisa
n'ajjuza ensi yonna ebibala.

7 MUKAMA amukubye omuggo
ng'akuba abo abaamukuba?
Attiddwa

nga be yatta, bwe battibwa?
8 Olwanagana naye n'omusobola,
n'omuwaŋŋangusa, omugoba n'okuwuuma okw'amaanyi,
ng'embuyaga ey'ebuvanjuba bw'efuuwa ku lunaku lwayo.
9 Ekyo kye kiriggyawo omusango gwa Yakobo,
era ekyo kye kiriba ekibala ekijjuvu ekiriggyawo ekibi kye.
Bw'aliddira amayinja gonna ag'ekyoto okuba amayinja ag'ennoni
agayasiddwayasiddwa,
tewaliba Baasera newaakubadde ebyoto eby'okwoterezaako obubaane
ebirisigala biyimiridde.
10 Ddala ddala ekibuga ekyaliko enkomera kaakano matongo,
ekirekeddwa awo ng'eddungu.
Eyo ennyana gy'eriira era gy'egalamira,
n'erya amalagala gonna ku matabi gaago.
11 Amatabi gaakyo bwe gakala,
gamenyebwako, abakazi ne bagakuŋŋaanya ne bagakumisa omuliro.
Bano bantu abatategeera,
eyamukola tamusaasira,
n'eyamutonda tamukwatirwa kisa.
12 Mu biro ebyo MUKAMA alikusengejja okuva mu mazzi agakulukuta
ag'Omugga Fulaati okutuuka ku mugga gw'e Misiri we guyiwa, era mmwe
abaana ba Isirayiri mulikuŋŋaanyizibwa kinnoomu.
13 Era mu biro ebyo ekkondeere eddene lirivuga, n'abo abaali
boolekedde okuzikiririra mu nsi y'e Bwasuli, n'abo abaali
baawaŋŋangusizibbwa mu Misiri balikomawo ne basinza MUKAMA
ku lusozi olutukuvu e Yerusaalemi.

# 28

### *Zikusanze Efulayimu*

1 Zikusanze engule ey'amalala g'abatamiivu aba Efulayimu,
zikusanze ekimuli ekiwotoka* eky'obulungi bw'ekitiibwa kye,
ekiri ku mutwe gw'ekiwonvu ekigimu,
Zikusanze ekibuga ky'abo abatamiivu.
2 Laba, Mukama wa maanyi mangi ddala,
ng'embuyaga ey'omuzira n'embuyaga ezikiriza,
ng'enkuba ey'amaanyi ereeta amataba,
bwe ndisuula ekibuga ekyo n'amaanyi mangi.
3 Engule ey'amalala ey'abatamiivu ba Efulayimu
aligibetenta n'ebigere bye.
4 Ekimuli ekyo ekiwotoka eky'obulungi bw'ekitiibwa kye
ekiri waggulu w'ekiwonvu ekigimu,
kiriba ng'ettiini erisooka okwengera nga n'amakungula tegannatuuka,
era omuntu bw'aliraba alinoga n'alirya.

5 Mu biro ebyo MUKAMA Katonda ow'Eggye
aliba ngule ya kitiibwa,
engule ennungi
ey'abantu be abaasigalawo.
6 Aliba n'omwoyo ogw'okusala ensonga mu bwenkanya
oyo atuula n'asala emisango,
Aliba nsibuko ya maanyi

* **28:1** Ekimuli ekiwotoka, ye Samaliya.

eri abo abawoza olutabaalo ku wankaaki.

7 Ne bano nabo batagala olw’omwenge,
era bawabye olw’ekitamiiza;
Bakabona ne bannabbi batagala olw’ekitamiiza,
era bawabye olw’omwenge;
bawabye olw’ekitamiiza,
batagala ne bava mu kwolesebwa,
era tebasalawo nsonga.
8 Weewaawo emmeeza zonna ziriko ebisesemye,
tewakyali kifo kiyonjo.

9 “Ani gw’agezaako okuyigiriza?
Ani gw’annyonnyola obubaka bwe?
Abaana abaakalekayo okuyonka
oba abo abaakaggibwa ku mabeere?
10 Kubanga kola okole, kola okole
Ekiragiro ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro,
Wano katono na wali katono.”
11 Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo
n’emimwa emigenyi mu lulimi olugwira,
12 abo be yagamba nti,
Kino kye kifo eky’okuwummuliramu eri oyo akooye,
era kye kifo eky’okuwerera
naye ne bagaana okuwuliriza.
13 Noolwekyo ekigambo kya Mukama kyekiriva kibeera gye bali
kola okole, kola okole,
ekiragiro ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro,
wano katono na wali katono,
balyoke bagende bagwe kya bugazi,
era balitegebwa, era ne batuukako ebisago ne bawambibwa.

14 Noolwekyo muwulire ekigambo kya Mukama Katonda mmwe abantu abanyoomi,
mmwe abafuga abantu ababeera mu Yerusaalemi ne mubanyooma.
15 Weewaawo mwewaana nga bwe mugamba nti, “Twakola endagaano n’okufa, era twalagaana n’amagombe. Ekikangabwa eky’amaanyi ne bwe kijja, tekirina kye kiyinza kutukola, kubanga tufudde obulimba ekiddukiro kyaffe, era mu bukuusa mwe twekwese.”
16 Mukama Katonda Ayinzabyonna kyava agamba nti,
“Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja,
ejjinja eryagezesebwa, ery’oku nsonda,
ery’omuwendo, okuba omusingi;
oyo alyesiga taliterebuka.
17 Ndifuula obwenkanya okuba omuguwa ogupima,
n’obutuukirivu okuba omuguwa ogutereeza,
era omuzira gulyera ekiddukiro ekyobulimba,
n’amazzi galyanjaala ku kifo eky’okwekwekamu.
18 N’endagaano gye walagaana n’okufa erijjulukuka,
n’endagaano gye walagaana n’amagombe terinywera.
Ekikangabwa eky’amaanyi bwe kirijja,
kiribagwira.

19 Weewaawo buli lwe kinaayitanga,
kinaabagwiranga
buli lukya emisana n'ekiro."

Era okutegeera obubaka buno
kirireeta ntiisa njereere.
20 Weewaawo ekitanda kimpi okwegololerako,
ne bulangiti nnyimpi okwebikka.
21 Weewaawo MUKAMA aligolokoka nga bwe yagolokoka ku Lusozi Perazimu,
era alisunguwala nga bwe yasunguwalira mu Kiwonvu eky'e Gibyoni,
alyoke akole omulimu gwe, omulimu gwe ogwewuunyisa,
atuukirize omulimu gwe, omulimu gwe ogwewuunyisa.
22 Noolwekyo mulekeraawo okunyooma, enjegere zammwe zireme kweyongera kubazitoowerera.
Nawulira okuva eri MUKAMA Katonda ow'Eggye
ng'awa ekiragiro ekizikiriza ensi yonna.

23 Muwulirize, era muwulire eddoboozi lyange;
Musseeyo omwoyo, muwulire kye ŋŋamba.
24 Omulimi bw'alima nga yeetegekera okusimba, alima lutata?
Alima bw'ayimirira n'atema amavuunike mu ttaka?
25 Bw'amala okulyanjaala, tasigamu mpinnamuti, n'asaasaanya kumino?
Tasiga ŋŋaano mu kifo kyayo,
ne sayiri mu kibanja kyayo,
n'omukyere mu nnimiro yaagwo?
26 Katonda we amuwa ebiragiro,
n'amuyigiriza ekkubo etuufu.

27 Empinnamuti teziwuulibwa na luso,
newaakubadde okunyiga kumino ne nnamuziga w'eggaali.
Empinnamuti zikubibwa na muggo
ne kumino n'ekubibwa n'oluga.
28 Empeke eteekwa okuseebwa okuvaamu omugaati,
So n'omuntu tagiwuula butamala.
Newaakubadde ng'agitambulizaako nnamuziga w'eggaali lye eriwuula,
Embalaasi ze si zeezigisa.
29 Bino byonna nabyo biva eri MUKAMA Katonda ow'Eggye,
ow'ekitalo mu kuteesa ebigambo,
asinga amagezi.

# 29

*Zikusanze Ekibuga kya Dawudi*

1 Zikusanze ggwe Alyeri*,
Alyeri ekibuga Dawudi kye yabeeramu,
yongera omwaka ku mwaka,
n'entuuko zo ez'embaga zigende mu maaso.
2 Wabula ndizingiza Alyeri,
alikuba ebiwoobe era alikungubaga,
era aliba gye ndi ng'ekyoto kya Alyeri.

* **29:1** Alyeri lye linnya eryaweebwa Yerusaalemi.

3 Ndikuba olusiisira okukwetooloola wonna,
era ndikwetoolooza eminaala,
ne nkusaako ebifunvu.
4 Olikkakkanyizibwa era olyogera ng'oli mu ttaka,
n'ebigambo byo biriwulikika nga biri wansi nnyo ng'oli mu nfuufu.
Eddoboozi lyo liriba ng'ery'oyo aliko akazimu nga liva mu ttaka,
n'ebigambo byo biriba bya kyama nga biva mu nfuufu.

5 Naye abalabe bo abangi
baliba ng'enfuufu eweweddwa,
n'ebibinja by'abakozi b'ebibi abasingayo obubi
bibe ng'ebisasiro ebifuumuuka.
6 Amangwago mu kaseera katono Mukama Katonda ow'Eggye alikukyalira
mu kubwatuuka ne mu musisi,
ne mu ddoboozi ery'omwanguka,
ne mu kibuyaga ne mu nnimi z'omuliro omukambwe oguzikiriza.
7 Awo ebibinja by'amawanga gonna ebirwana ne Alyeri birimulumba,
birirumba n'ekigo kye ne bimutaayiza;
kiriba ng'ekirooto,
ng'okwolesebwa mu kiro
8 ng'omuntu alumwa enjala bw'aloota ng'alya
naye bw'agolokoka n'asigala ng'akyalumwa enjala;
oba ng'omuntu alumwa ennyonta bw'aloota ng'anywa
naye n'agolokoka nga munafu ng'akyalumwa ennyonta.
Ekyo kye kirituuka ku bibinja by'amawanga gonna
agalwana n'Olusozi Sayuuni.

9 Muwuniikirire era mwewuunye
Muzibirire era muzibe amaaso;
Batamiire, naye si na nvinnyo,
batagala, naye si lwa mwenge.
10 Mukama akuwadde otulo tungi,
azibye amaaso gammwe bannabbi,
era abisse emitwe gyammwe abalabi.
11 Okwolesebwa kuno kwonna tekulina makulu gy'oli okuggyako okuba
ebigambo ebissibwako akabonero mu muzingo. Omuzingo bw'oguwa
omuntu, asobola okusoma n'omugamba nti, “Nkwegayiridde kino ki-
some,” ajja kukuddamu nti, “Sisobola, kuliko akabonero.”
12 Oba omuzingo bw'oguwa omuntu atasobola kusoma, n'omugamba
nti, “Nkwegayiridde kino kisome,” ajja kukuddamu nti, “Simanyi ku-
soma.”
13 Mukama agamba nti,
“Abantu bano bansemberera n'akamwa kaabwe,
ne banzisaamu ekitiibwa n'emimwa gyabwe,
naye ng'emitima gyabwe gindi wala.
Okunsinza kwe bansinza,
biragiro abantu bye baayigiriza.
14 Noolwekyo, laba ŋŋenda kwewuunyisa abantu bano.
Amagezi g'abagezi galizikirira,
n'okutegeera kw'abategeevu
kuliggwaawo.”
15 Zibasanze abo abakola kyonna kye basobola
okukweka Mukama enteekateeka zaabwe,

abo abakola emirimu gyabwe mu kizikiza nga bagamba nti,
“Ani atulaba? Ani alimanya?”
16 Mufuula ebintu
ne birabika ng’omubumbi alowoozebwa okwenkanankana n’ebbumba.
Ekyakolebwa kiyinza okwogera ku eyakikola nti,
“Teyankola”?
Ensuwa eyinza okugamba omubumbi nti,
“Talina ky’amanyi”?

17 Mu kiseera kitono, Lebanooni tekirifuulibwa nnimiro ngimu,
n’ennimiro engimu n’erabika ng’ekibira?
18 Mu biro ebyo abaggavu b’amatu baliwulira ebigambo by’omuzingo,
n’amaaso g’abazibe galizibuka okuva mu kiseera ekizibu ne mu kizikiza.
19 Abawombeefu balisanyukira mu MUKAMA nate,
n’abeetaaga balisanyukira mu Mutukuvu wa Isirayiri.
20 Weewaawo asinga obubi aliggwaawo,
n’omunyoomi alibula,
n’abo bonna abeesunga okukola obutali butuukirivu,
21 abo abakozesa ebigambo okufuula omuntu omusobya,
abatega eyeerwanako mu mbuga z’amateeka, abawa obujulizi obw’obulimba,
ne baleetera abataliiko musango obutawulirwa mu mbuga z’amateeka, balisalibwako.
22 Noolwekyo MUKAMA eyanunula Ibulayimu bw’ati bw’ayogera eri
ennyumba ya Yakobo nti,
Yakobo taliddayo kuswazibwa,
n’obwenyi bwabwe tebulisiiwuuka.
23 Bwe baliraba omulimu gw’emikono gyange mu baana baabwe,
balikuuma erinnya lyange nga ttukuvu.
Balikakasa obutuukirivu bw’Omutukuvu wa Yakobo
era baliyimirira
ne beewuunya Katonda wa Isirayiri.
24 Abo abaabula mu mwoyo balifuna okutegeera,
n’abo abeemulugunya balikkiriza okuyigirizibwa.

# 30

*Zirisanze Eggwanga Ejjeemu*

1 “Zibasanze abaana abajeemu,
Abakola enteekateeka ezitali zange ne bazituukiriza
ne batta omukago* awatali Mwoyo wange
ne bongera ekibi ku kibi,” bw’ayogera MUKAMA.
2 “Baserengeta e Misiri nga tebanneebuuzizzaako,
ne banoonya obuyambi ewa Falaawo,
n’okuva eri ekisiikirize kya Misiri
okuba obuddukiro.
3 Naye obukuumi bwa Falaawo buliswazibwa,
n’ekisiikirize kya Misiri kirikuswaza.
4 Newaakubadde nga balina abakungu mu Zowani
n’ababaka baabwe batuuse e Kanesi,

* **30:1** Kino kyogera ku kutta omukago ne Misiri

5 buli muntu aliswazibwa
olw'eggwanga eritabagasa,
abataleeta buyambi newaakubadde okuba ab'omugaso,
okuggyako ensonyi n'ekivume," bw'ayogera MUKAMA.
6 Obunnabbi obukwata ku nsolo za Negevu bwe buno:
Ababaka bayita mu nsi nga balaba ennaku
ne batawaanyizibwa
mu nsi erimu empologoma ensajja n'enkazi,
erimu essalambwa n'omusota ogw'obusagwa
nga batadde eby'obugagga byabwe ku ndogoyi,
n'ebintu byabwe eby'omuwendo ku mabango g'eŋŋamira
nga boolekedde ensi etaliimu magoba.
7 Bagenda e Misiri, eterina kyeyinza kubayamba n'akatono.
Kyenva muyita Lakabu
ataliiko kyayinza kukola.

8 Genda kaakano, okibawandiikire ku kipande,
okiwandiike ku mizingo,
kibabeererenga obujulizi
obw'emirembe n'emirembe mu nnaku ezigenda okujja.
9 Weewaawo bano bantu bajeemu,
baana balimba, baana abateetegese kuwulira biragiro bya MUKAMA.
10 Bagamba abalabi nti,
"Temuddayo kufuna kwolesebwa,"
N'eri bannabbi boogera nti,
"Temuddayo kututegeeza kwolesebwa kutuufu.
Mututegeeze ebitusanyusa,
mulagule ebituwabya.
11 Muve mu kkubo lino,
mukyame muve ku luguudo luno,
mulekeraawo okututegeeza
ku Mutukuvu wa Isirayiri."
12 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera Omutukuvu wa Isirayiri nti,
"Olw'okugaana obubaka buno,
ne mwesiga okunyigirizibwa,
ne mwesiga omulimba,
13 ekibi kino kyekiriva kikufuukira bbugwe omuwanvu,
alimu enjatika era azimbye,
okutemya n'okuzibula ng'agudde.
14 Alimenyekamenyeka mu bitundutundu ng'ensumbi eyakolebwa mu bbumba,
n'asaasaanyizibwa awatali kusaasira,
era tewaliba luggyo ku byamenyekamenyeka olulirabika
okusobola okuyoozesa omuliro mu kyoto,
oba okusenyesa amazzi mu kinnya."
15 Weewaawo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Ayinzabyonna Omutukuvu wa Isirayiri nti,
"Mu kwenenya ne mu kuwummula mwe muli obulokozi bwammwe,
mu kusiriikirira ne mu kwesiga mwe muli amaanyi gammwe,
naye temufuddeeyo.
16 Wayogera nti, 'Nedda tuliddukira ku mbalaasi.'
Kyoliva odduka.
Wayogera nti, 'Tuliddukira ku mbalaasi ezidduka ennyo.'

Ababagoba kyebaliva bawenyuka emisinde.
17 Abantu olukumi balidduka
olw'okutiisibwatiisibwa kw'omuntu omu;
Olw'okutiisibwatiisibwa kw'abataano,
olidduka,
Okutuusa lw'olisigala ng'omulongooti okuwanikibwa bbendera oguli ku ntikko y'olusozi,
ng'ebendera eri ku kasozi."

18 Songa MUKAMA ayagala nnyo okuba ow'ekisa gy'oli;
era agolokoka okukulaga okusaasira.
Kubanga MUKAMA Katonda wa bwenkanya,
balina omukisa bonna abamulindirira.
19 Mmwe abantu ba Sayuuni ababeera mu Yerusaalemi, temuliddayo
kukaaba. Alikukwatirwa ekisa bw'olimukaabira ng'omusaba akuyambe.
Amangwago ng'awulidde, alikwanukula.
20 Newaakubadde nga Mukama akuwa omugaati ogw'okulaba ennaku,
n'amazzi ag'okubonaabona,† abasomesa bo tebaliddamu kukwekebwa,
era olibalaba n'amaaso go.
21 Bw'olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go
galiwulira eddoboozi emabega wo nga ligamba nti, "Lino ly'ekkubo,
litambuliremu."
22 Olwo olyonoonayonoona ebintu ebyakolebwa n'emikono ebiriko
ffeeza, n'ebifaananyi byo ebyabikkibwako zaabu, era olibisuula nga
bw'osuula ekiwero ekikozesebwa mu nsonga za bakyala era olibigamba
nti, "Muveewo."
23 Alibaweereza n'enkuba olw'ensigo z'osiga mu ttaka, n'emmere eva
mu ttaka eggimu nga nnyingi. Mu biro ebyo ente zo zirriiira mu ddundiro
eggazi.
24 Ente n'endogoyi ezirima ettaka zirirya omuddo ogwaterekebwa
n'emmere ensotte, eyawewebwa n'ekitiiyo eky'amannyo.
25 Mu biro eby'okuttibwa okunene, emirongooti bwe girigwa, emigga
gy'amazzi girikulukuta ku buli lusozi oluwanvu na ku buli kasozi
akagulumivu.
26 Omwezi gulyaka ng'enjuba, n'omusana gulyaka emirundi mu-
sanvu okusinga ogwa bulijjo, ng'ekitangaala ky'ennaku omusanvu zonna
awamu, MUKAMA bw'alinyiga ekinuubule ky'abantu be, n'awonya eki-
wundu ky'abaakosebwa.
27 Laba, erinnya lya MUKAMA liva wala
n'obusungu obubuubuuka n'omukka ogukutte ng'ekire;
emimwa gye gijjudde ekiruyi,
n'olulimi lwe muliro ogusaanyaawo.
28 Omukka gwe guli ng'omugga gw'amazzi
agakulukuta n'amaanyi, agabimba okutuuka mu bulago.
Anyeenyanyeenya amawanga mu kakuŋŋunta ak'okuzikirizibwa
era mu mba z'abantu ateekamu eddobo ery'okubawabya.
29 Oluyimba luliba ng'olwo lwoyimba mu kiro ng'ojaguza ku mbaga entukuvu;
omutima gwo gulijaguza ng'abantu bwe bajaguza nga bafuuwa endere
ku lusozi lwa MUKAMA, ku lwazi lwa Isirayiri.
30 MUKAMA aliyamba abantu okuwulira eddoboozi lye ery'ekitiibwa,

† **30:20** keberako mu bitabo ebirala okwongera okunnyonnyolwa ebigambo ebyo

alibaleetera okulaba omukono gwe nga gukka mu busungu obungi
ennyo ne mu muliro ogusaanyaawo, ne mu bire ebibwatuka, ne mu
muzira.
31 Weewaawo eddoboozi lya MUKAMA lirisesebbula Bwasuli,
alibakuba n'omuggo gwe ogw'obwakabaka.
32 Buli muggo MUKAMA gw'anakukubanga
n'oluga lwe olubonereza,
guliba ng'ebivuga by'ebitaasa n'entongooli,
ng'abalwanyisa n'omukono gwe mu ntalo.
33 Weewaawo Tofesi amaze ebbanga ddene nga yeeteekateeka;
ky'ateekebwateekebwa kabaka.
Ekinnya kyakyo eky'omuliro
kiwanvu era kigazi,
kijjudde omuliro n'enku;
omukka gwa MUKAMA
gugukoleeza ng'omugga gwa salufa.

# 31

*Zibasanze abo Abeesiga Misiri*

1 Zibasanze abo abaserengeta e Misiri okuyambibwa,
abeesiga embalaasi,
abeesiga amagaali gaabwe amangi,
abeesiga amaanyi amangi ag'abeebagala embalaasi
ne batatunuulira Omutukuvu wa Isirayiri
wadde okunoonya obuyambi bwa MUKAMA.
2 Kyokka MUKAMA mugezi era asobola okuleeta akabi;
tajjulula bigambo bye.
Aligolokokera ku nnyumba y'abatali batuukirivu,
ne ku abo abayamba abakozi b'ebibi.
3 Naye Abamisiri bantu buntu si Katonda
n'embalaasi zaabwe mibiri bubiri.
Katonda bw'agolola omukono gwe
oyo ayamba, alyesittala,
n'oyo ayambibwa aligwa
era bombi balizikiririra wamu.
4 Ddala ddala bw'ati bw'ayogera MUKAMA gye ndi nti,
"Ng'empologoma bwe wuluguma,
empologoma ey'amaanyi bwe wulugumira ku muyiggo gwayo
era newaakubadde ng'ekibinja ky'abasumba
kiyitibwa awamu okugirumba,
tetiisibwatiisibwa kuwowogana kwabwe,
newaakubadde oluyoogaano lwabwe.
Bw'atyo ne MUKAMA Katonda ow'Eggye bw'aliserengeta,
okulwanira ku lusozi Sayuuni ne ku busozi bwa lwo.
5 Ng'ebinyonyi bwe bibuukira waggulu,
bw'atyo MUKAMA Katonda ow'Eggye bw'alisaanikira Yerusaalemi;
alikikuuma, n'akiwonya,
alikiyitamu n'akirokola."
6 Mudde eri oyo gwe mwajeemera ennyo, mmwe abaana ba Isirayiri.
7 Mu biro ebyo buli omu ku mmwe alisuulira ddala wala ebitali Katonda
ebya ffeeza ne zaabu, emikono gyo egitali mituukirivu gye byakola.
8 "Bwasuli kirigwa n'ekitala ekitali kya muntu;

ekitala ekitali ky'abo abafa kirimusaanyaawo.
Alidduka ekitala,
n'abavubuka be balikozesebwa emirimu egy'amaanyi n'obuwaze.
9 Ekigo kyabwe kirigwa olw'okutya,
n'abaduumizi baabwe balitekemuka omutima olw'okulaba ebbendera ey'olutalo,"
bw'ayogera MUKAMA
nannyini muliro oguli mu Sayuuni,
era nannyini kikoomi ekiri mu Yerusaalemi.

# 32

*Obwakabaka obw'Obutuukirivu*

1 Laba, Kabaka alifuga mu butuukirivu,
n'abafuzi balifuga mu bwenkanya.
2 Buli muntu aliba ng'ekifo eky'okwekwekamu empewo,
ng'ekiddukiro okuva eri kibuyaga,
ng'emigga gy'amazzi mu ddungu,
ng'ekisiikirize eky'olwazi olunene mu nsi ey'ennyonta.

3 Olwo amaaso gaabo abalaba tegaliziba,
n'amatu g'abo abawulira galiwuliriza.
4 Omutima gw'abatali bagumiikiriza gulimanya era gulitegeera,
n'olulimi olw'abanaanaagira lulitereera ne boogera bulungi.
5 Omusirusiru taliddayo kuyitibwa wa kitiibwa,
newaakubadde omuntu omwonoonyi okuteekebwamu ekitiibwa.
6 Omusirusiru ayogera bya busirusiru,
n'omutima gwe gwemalira ku kukola ebitali bya butuukirivu.
Akola eby'obutatya Katonda,
era ayogera bya bulimba ku MUKAMA,
n'abayala abaleka tebalina kintu,
n'abalumwa ennyonta abamma amazzi.
7 Empisa z'omwonoonyi si za butuukirivu. Akola entegeka ezitali za
butuukirivu, alyoke azikirize abaavu n'ebigambo eby'obulimba,
ensonga y'abali mu kwetaaga ne bw'eba nga ntuufu.
8 Naye omuntu ow'ekitiibwa akola entegeka za kitiibwa,
era ku bikolwa bye eby'ekitiibwa kw'anywerera.
9 Mmwe abakazi abateefiirayo,
mugolokoke muwulirize eddoboozi lyange;
mmwe abawala abawulira nga muli wanywevu,
muwulire bye ŋŋamba.
10 Mu mwaka gumu oba n'okusingawo,
mmwe abawulira nga muli wanywevu, mulitya,
amakungula g'emizabbibu galifa,
n'amakungula g'ebibala tegalijja.
11 Mutye mmwe abakazi abateefiirayo,
mukankane mmwe abawala abawulira nga muli wanywevu.
Muggyeko engoye zammwe,
mwesibe ebibukutu mu biwato byammwe.
12 Munakuwalire ennimiro ezaali zisanyusa,
olw'emizabbibu egyabalanga,
13 n'olw'ensi ey'abantu bange,
ensi eyamerangamu amaggwa ne katazamiti.

Weewaawo mukaabire ennyumba zonna ezaali ez'amasanyu,
na kino ekibuga ekyali eky'amasanyu.
14 Weewaawo ekigo kirirekebwawo,
ekibuga ekirimu oluyoogaano kirifuuka kifulukwa.
Ebigo n'eminaala birifuuka ebitagasa ennaku zonna,
ekifo ekisanyusa endogoyi, eddundiro ly'ebisibo,
15 okutuusa Omwoyo lw'alitufukibwako okuva waggulu,
n'eddungu ne lifuuka ennimiro engimu,
n'ennimiro engimu n'erabika ng'ekibira.
16 Obwenkanya bulituula mu ddungu,
n'obutuukirivu bulibeera mu nnimiro engimu.
17 Ekibala ky'obutuukirivu kiriba mirembe,
n'ekiriva mu butuukirivu kiriba kusiriikirira na bwesige emirembe gyonna.
18 Abantu bange balibeera mu bifo eby'emirembe,
mu maka amateefu
mu bifo eby'okuwummuliramu ebitatawaanyizibwa.
19 Omuzira ne bwe guligwa ne gukuba ekibira okukimalawo,
n'ekibuga ne kiggirwawo ddala,
20 ggwe oliraba omukisa,
ng'osiga ensigo y'oku migga gyonna,
n'ente zo n'endogoyi zo ne zirya nga zeeyagala.

# 33

1 Zikusanze ggwe omuzikiriza
ggwe atazikirizibwanga.
Zikusanze ggwe alya olukwe mu balala,
ggwe, gwe batalyangamu lukwe,
bw'olirekaraawo okuzikiriza,
olizikirizibwa.
Bw'olirekeraawo okulya mu balala olukwe,
balikulyamu olukwe.

2 Ayi MUKAMA tusaasire,
tukuyaayaanira.
Obeere amaanyi gaffe buli makya,
obulokozi bwaffe mu biro eby'okulabiramu ennaku.
3 Olw'eddoboozi ery'okubwatuka, abantu balidduka,
bw'ogolokoka, amawanga gasaasaana.
4 Omunyago gwo, gukungulwa enzige ento,
era abantu bagugwako ng'ekibinja ky'enzige.

5 MUKAMA agulumizibwe, kubanga atuula waggulu,
alijjuza Sayuuni n'obwenkanya n'obutuukirivu.
6 Y'aliba omusingi omugumu mu biro byo,
nga lye tterekero eggagga ery'obulokozi, n'amagezi n'okumanya.
Okutya MUKAMA kye kisumuluzo kye tterekero ly'obugagga obwo.

7 Laba abasajja abazira ab'amaanyi bakaabira mu nguudo mu ddoboozi ery'omwanguka,
n'ababaka ab'emirembe bakaaba nnyo.
8 Enguudo ennene tezitambulirwako,

tewali azitambulirako.
Endagaano yamenyebwa,
n'abajulizi baayo banyoomebwa,
tewali assibwamu kitiibwa.
9 Ensi ekungubaga era eyongobera,
Lebanooni aswadde era awotose;
Saloni ali ng'eddungu,
ng'asuula Basani ne Kalumeeri.

10 Mukama agamba nti, "Kaakano nnaagolokoka,
kaakano nnaagulumizibwa,
kaakano nnaayimusibwa waggulu.
11 Ofuna olubuto olw'ebisusunku,
ozaala ssubi,
omukka gwo, muliro ogukusaanyaawo.
12 Abantu balyokebwa nga layimu bw'ayokebwa,
balyokebwa omuliro ng'ebisaka by'amaggwa amasale."
13 Mmwe abali ewala, mutegeere kye nkoze.
Mmwe abali okumpi, mukkirize amaanyi gange.
14 Abakozi b'ebibi ab'omu Sayuuni batidde,
okutya kujjidde abatalina Katonda.
"Ani ku ffe ayinza okubeera awamu n'omuliro ogusaanyaawo?
Ani ku ffe ayinza okubeera awamu n'omuliro ogutaliggwaawo?"
15 Atambulira mu butuukirivu,
n'ayogera ebituufu,
oyo atatwala magoba agava mu bubbi,
n'akuuma emikono gye obutakkiriza nguzi,
aziba amatu ge n'atawulira ntegeka za kutta,
n'aziba amaaso ge obutalaba nteekateeka ezitali za butuukirivu,
16 ye muntu alituula waggulu mu bifo ebya waggulu,
n'obuddukiro bwe buliba ebigo eby'omu nsozi.
Aliweebwa emmere,
n'amazzi tegalimuggwaako.

17 Amaaso go galiraba kabaka mu bulungi bwe,
ne galaba ensi eyeewala.
18 Omutima gwo gulifumiitiriza ku ntiisa ng'ogamba nti,
"Omukungu omukulu ali ludda wa?
Ali ludda wa eyasoloozanga omusolo?
Omukungu avunaanyizibwa eminaala ali ludda wa?"
19 Toliddayo kulaba bantu abo ab'amalala,
abantu ab'olulimi olutamanyiddwa,
olulimi olutategeerekeka.

20 Tunuulira Sayuuni ekibuga eky'embaga zaffe,
amaaso go galiraba Yerusaalemi,
ekifo eky'emirembe, eweema etalisimbulwa
enkondo zaayo tezirisimbulwa,
newaakubadde emiguwa gyayo okukutulwa.
21 Weewaawo Mukama aliba Amaanyi gaffe
era aliba ekifo eky'emigga emigazi n'ensulo engazi.
Temuliyitamu lyato

newaakubadde ekyombo ekinene tekiriseeyeeyeramu.
22 Kubanga MUKAMA ye mulamuzi waffe,
MUKAMA y'atuwa amateeka,
MUKAMA ye Kabaka waffe,
y'alitulokola.

23 Emiguwa gyo gisumulukuse
n'omulongooti si munywevu,
n'ettanga si lyanjuluze.
Awo omugabo omungi guligabanyizibwamu,
n'abalala balitwala eby'omunyago.
24 Tewali abeera mu Sayuuni alyogera nti, “Ndi mulwadde,”
n'abo ababeeramu balisonyiyibwa ekibi kyabwe.

# 34

*Amawanga Gasalirwa Omusango*

1 Musembere mmwe amawanga muwulirize.
Musseeyo omwoyo mmwe abantu.
Ensi ewulirize, ne byonna ebigirimu,
ensi ne byonna ebigivaamu.
2 MUKAMA anyiigidde amawanga gonna,
ekiruyi kye kiri ku magye gaabwe gonna.
Alibazikiririza ddala,
alibawaayo okuttibwa.
3 Abantu baabwe abattibwa balisuulibwa ebweru,
n'emirambo gyabwe giriwunya,
n'ensozi zirinnyikira omusaayi gwabwe.
4 Emmunyeenye zonna ez'omu ggulu zirisaanuuka,
n'eggulu liryezingako ng'omuzingo;
n'eggye ery'omu ggulu lirigwa,
ng'ebikoola ebiwotose ebiva ku muzabbibu,
ng'ebirimba ebyayongobera ebiva ku mutiini.

5 Weewaawo ekitala kyange kinywedde ne kijjuzibwa mu ggulu,
era laba, kikkira ku Edomu okusala omusango,
abantu be mmaliddewo ddala.
6 Ekitala kya MUKAMA kisaabye omusaayi,
kiriko amasavu,
omusaayi gw'abaana b'endiga n'embuzi,
amasavu agava mu nsingo za sseddume.
MUKAMA alina ekiweebwayo mu Bozula,
era waliyo n'okuttibwa okw'amaanyi mu Edomu.
7 Embogo zirifiira wamu nazo,
n'obute obulume, ne ziseddume zirifiira wamu nazo.
Ensi yaabwe erijjula omusaayi,
n'enfuufu erinnyikira amasavu.

8 MUKAMA alina olunaku olw'okuwalanirako eggwanga,
omwaka ogw'okwesasuza, olw'ensonga eya Sayuuni.
9 Emigga gya Edomu girikalira ne gifuuka bulimbo,*

* **34:9** bulimbo kifaanana ng'ennoni

n'enfuufu ye erifuuka ng'obuwunga bwa salufa ayokya.
Ensi ye erifuuka ng'obulimbo† obuggya omuliro.
10 Talizikizibwa emisana n'ekiro,
n'omukka gwe gulinyooka ennaku zonna.
Edomu alisigala kifulukwa emirembe n'emirembe,
era tewaliba n'omu ayita mu nsi eyo.
11 Ekiwuugulu eky'omu ddungu n'ekiwuugulu ekireekaana, birikibeeramu.
Ekiwuugulu ekinene ne namuŋŋoona birizimbamu ebisu byabyo.
Katonda aligololera ekipimo eky'okwewunika,
n'ekipimo ekinaaleka Edomu nga njereere.
12 Abakungu be tebalibaako kye bayita bwakabaka,
n'abalangira be bonna baliggwaawo.
13 Amaggwa galimera ku minaala egy'ekibuga kye,
n'emyennyango n'amatovu ne bimera mu bigo bye ebyanywezebwa.
Aliyiggibwa ebibe,
era ebiwuugulu birimufuula ekifo eky'okuwummulirangamu.
14 Ensolo ez'omu ddungu gye zirisisinkana empisi,
n'embuzi enkambwe ez'omu nsiko gye ziriramusiganyiza.
Era eyo ebisolo ebitambula ekiro nabyo biriwummula
nga byefunidde ekifo eky'okuwummulirangamu.
15 Ekiwuugulu kiribiikira eyo amagi,
ne kigaalula,
ne kirabirira abaana baakyo wansi w'ekisiikirize kyakyo.
Era eyo ne kamunye gy'alikuŋŋaanira, empanga n'enseera.
16 Tunula mu muzingo gwa MUKAMA osome.
Tewali na kimu ku ebyo ekiribulayo,
era ekirume kiriba n'ekikazi, n'ekikazi ne kiba n'ekirume.
Akamwa ka MUKAMA ke kalagidde,
era Omwoyo we yalibikuŋŋaanya.
17 Agabira buli kimu omugabo gwakyo,
era omukono gwe gubigabanyiza mu kigera.
Birikibeeramu ennaku zonna,
bibeere omwo emirembe n'emirembe.

# 35

*Essanyu ly'Abanunule*

1 Eddungu n'ensi enkalu birijaguza;
Eddungu lirisanyuka ne limeramu ebintu.
Ebimuli ebifaanana ng'ejjirikiti
2 birimeruka,
birijaguza nnyo ne biwowogana n'essanyu mu ddoboozi ery'omwanguka.
Ekitiibwa kya Lebanooni kirigiweebwa,
ekitiibwa kya Kalumeeri ne Saloni;
baliraba ekitiibwa kya MUKAMA,
ekitiibwa kya Katonda waffe.

3 Muzzeemu amaanyi emikono eminafu, n'amaviivi agajugumira mugagumye.

† **34:9** bulimbo kifaanana ng'ennoni

4 Mugambe abo abalina omutima omuti nti,
Mubeere n'amaanyi temutya:
laba Katonda wammwe alijja;
alibalwanirira,
alage abalabe bammwe obusungu obw'Obwakatonda,
era alibalokola.

5 Olwo amaaso g'abazibe galiraba,
era n'amatu ga bakiggala galigguka;
6 omulema alibuuka ng'ennangaazi,
n'olulimi lw'abatayogera luliyimba n'essanyu.
Amazzi galifubutuka
ne gakulukutira mu lukoola n'emigga mu ddungu.
7 N'omusenyu ogwokya gulifuuka ekidiba,
n'ensi eyakala edda n'etiiriika ensulo ez'amazzi.
Ebibe we byagalamiranga walimera omuddo,
n'essaalu, n'ebitoogo.

8 Era eribaayo oluguudo olunene, n'ekkubo,
eririyitibwa Ekkubo Ettukuvu.
Abatali balongoofu tebaliriyitamu,
liriba ly'abali abalongoofu,
kubanga abasirusiru abatali balongoofu tebaliriyitamu.
9 Teribaayo mpologoma,
so teririnnyayo nsolo yonna nkambwe;
tezirirabikayo,
naye abanunule balitambulira eyo.
10 N'abantu ba MUKAMA abaanunulibwa balikomawo, ne bajja mu Sayuuni nga bayimba,
n'essanyu eritaggwaawo nga libajjudde.
Balifuna essanyu lingi nnyo n'okujaguza,
okunakuwala n'okusinda nga biggweereddewo ddala.

# 36

*Sennakeribu Atiisatiisa Yerusaalemi*

1 Awo olwatuuka, mu mwaka ogw'ekkumi n'ena ogw'obufuzi bwa
kabaka Keezeekiya, Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'ayambuka
okulumba ebibuga byonna ebya Yuda ebyali bizimbiddwako bbugwe
n'abiwamba.
2 Awo kabaka w'e Bwasuli n'asindika Labusake omuduumizi we
ow'oku ntikko okuva e Lakisi n'eggye eddene ayolekere Yerusaalemi
ewa kabaka Keezeekiya. Omuduumizi ono n'asimba amakanda ku
mabbali g'omukutu gw'amazzi omunene ku luguudo olugenda ku Nnimiro
y'Omwozi w'Engoye.
3 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya, eyali akulira olubiri, ne
Sebuna omuwandiisi, ne Yoswa mutabani wa Asafu eyavunaanyizibwanga
ebiwandiiko ne bafuluma okumusisinkana.
4 Labusake n'abagamba nti,
"Mugambe Keezeekiya nti, 'Bw'ati bw'ayogera kabaka omukulu, kabaka w'e Bwasuli nti, Kiki ddala kye weesiga?
5 Olowooza ebigambo obugambo birina amaanyi n'amagezi okuwangula olutalo. Ani gwe weesiga olyoke onjemere?

6 Laba weesiga Misiri, ogwo omuggo obuggo, olumuli olubetente, oluy-
inza okufumita engalo z'omuntu ng'alwesigamyeko: bw'atyo Falaawo, ye
kabaka w'e Misiri bw'ayisa bonna abamwesiga.'
7 Naye bw'onoŋŋamba nti, 'Twesiga MUKAMA Katonda waffe,' si ye yali
nannyini byoto n'ebifo ebigulumivu Keezeekiya bye yaggyawo n'agamba
Yuda ne Yerusaalemi nti, 'Mu maaso g'ekyoto kino we munaasinzizanga'?
8 " 'Kale nno MUKAMA wange Kabaka w'e Bwasuli agamba nti, Ajja
kukuwa embalaasi enkumi bbiri bw'obanga ddala olina abanaazeeba-
gala.
9 Mu mbeera eyo gy'olimu oyinza otya okuwangula wadde omudu-
umizi asembayo obunafu mu gye lyaffe ne bwe weesiga ebigaali
n'embalaasi za Misiri?
10 Ate ekirala olowooza nzize okulumba ensi eno n'okugizikiriza
nga MUKAMA si y'andagidde? MUKAMA yaŋŋamba nnumbe ensi eno
ngizikirize.' "
11 Awo Eriyakimu ne Sebuna ne Yoswa ne bagamba Labusake nti,
"Tukwegayiridde yogera n'abaddu bo mu Lusuuli kubanga tulumanyi,
toyogera naffe mu Luyudaaya* ng'abantu abali ku bbugwe bawulira."
12 Naye Labusake n'ayogera nti, "Ebyo ebigambo MUKAMA wange
yantumye kubyogera eri mukama wo n'eri ggwe mwekka, so si n'eri
abasajja abatudde ku bbugwe abali nga mmwe abagenda okulya obubi
bwabwe n'okunywa omusulo gwabwe?"
13 Awo Labusake n'ayimirira n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka
mu lulimi olw'Abayudaaya nti, "Muwulire ebigambo bya kabaka omukulu,
kabaka w'e Bwasuli.
14 Kabaka agambye bw'ati nti, Temukkiriza Keezeekiya kubalimbalimba
tayinza kubawonya.
15 Temukkiriza Keezeekiya kubasigula ng'abagamba nti, 'MUKAMA ddala
ajja kutununula, ekibuga kino tekijja kugwa mu mukono gwa Bwasuli.'
16 "Temuwuliriza Keezeekiya kubanga bw'ati bw'ayogera kabaka w'e
Bwasuli nti, 'Mutabagane nange mufulume mujje gye ndi, olwo buli muntu
ku mmwe lw'alirya ku muzabbibu gwe na buli muntu ku mutiini gwe, era
buli omu alinywa ku mazzi ag'omu kidiba kye,
17 okutuusa lwe ndijja ne mbatwalira ddala mu nsi efaanana ensi
yammwe, ensi ey'eŋŋaano ne wayini, ensi ey'emigaati n'ennimiro
ez'emizabbibu.'
18 "Mwekuume Keezeekiya aleme okubasendasenda ng'ayogera nti,
'MUKAMA alibalokola.' Waliwo katonda yenna ow'amawanga eyali
awonyezza ensi ye mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli?
19 Bali ludda wa bakatonda ab'e Kamasi ne Alupadi? Bali ludda wa
bakatonda ab'e Sefarayimu? Baali bawonyezza Samaliya mu mukono
gwange?
20 Baani ku bakatonda bonna ab'ensi ezo abaali bawonyezza ensi
zaabwe mu mukono gwange? Kale MUKAMA asobola atya okuwonya
Yerusaalemi mu mukono gwange?"
21 Kyokka bo baasirika busirisi tebaddamu, kubanga kabaka yali
alagidde nti, "Temumuddamu."
22 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya eyali akulira olubiri ne Sebuna
Omuwandiisi ne Yoswa mutabani wa Asafu Omukuumi w'ebiwandiiko, ne

* **36:11** Oluyudaaya lwe lulimi olwekikungu olwakozesebwanga mu biro ebyo. Oluyudaaya lwafuukira ddala olulimi Abayudaaya lwe bakozesa okuva mu 5 BC.

baddayo eri Keezeekiya nga bayuzizza engoye zaabwe, ne bamubuulira ebigambo bya Labusake.

# 37

### *Keezeekiya Akaabirira MUKAMA*

1 Awo kabaka Keezeekiya bwe yabiwulira n'ayuza engoye ze n'ayambala ebibukutu n'ayingira mu nnyumba ya MUKAMA.

2 N'atuma Eriyakimu eyali akulira olubiri ne Sebuna omuwandiisi ne bakabona abakulu, nga bambadde ebibukutu, eri nnabbi Isaaya mutabani wa Amozi.

3 Ne bamugamba nti, "Keezeekiya atutumye okukugamba nti, Olunaku luno lunaku lwa kulabiramu nnaku era lwa kuvumirwamu era lwa kujoogebwa; kubanga abaana batuuse okuzaalibwa naye nga tewali maanyi ga kubazaala.

4 Oboolyawo MUKAMA Katonda wo anaawulira ebigambo bya Labusake eyatumibwa kabaka w'e Bwasuli mukama we okuvuma Katonda omulamu, MUKAMA Katonda wo n'amunenya olw'ebigambo by'awulidde: Kale waayo okusaba kwo wegayiririre ekitundu ekikyasigaddewo."

5 Abaddu ba kabaka Keezeekiya bwe bajja eri Isaaya,

6 Isaaya n'abagamba nti, "Mutegeeze mukama wammwe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Ebigambo by'owulidde abaddu ba kabaka w'e Bwasuli bye banvumye, tebikutiisa.

7 Laba ndimusindikira omwoyo omubi, awulire olugambo addeyo mu nsi ye. Era eyo gye ndimuzikiririza afe ekitala.' "

8 Awo Labusake omuduumizi wa Bwasuli bwe yaddayo, n'asanga kabaka w'e ng'alwana ne Libuna: kubanga yawulira nti avudde e Lakisi.

9 Ate era kabaka Sennakeribu n'afuna obubaka nti Tiraaka kabaka w'e Kuusi azze okumulwanyisa. Bwe yakiwulira n'asindika ababaka eri Keezeekiya n'obubaka buno nti,

10 "Keezeekiya kabaka wa Yuda mumugambe nti, Katonda wo gwe weesiga takulimbanga ng'ayogera nti, 'Yerusaalemi tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.'

11 Laba wawulira bakabaka b'e Bwasuli kye baakola amawanga gonna, ne bagazikiririza ddala. Mwe munaawona?

12 Amawanga bakitange ge baasaanyaawo, Gozani, ne Kalani, ne Lezefu n'abantu ba Adeni abaabanga mu Terasali, bakatonda baago, baabayamba?

13 Ali ludda wa kabaka w'e Kamasi ne kabaka w'e Alupadi ne kabaka w'ekibuga Sefarayimu oba ow'e Keena, oba ow'e Yiva?"

### *Okusaba kwa Keezeekiya*

14 Keezeekiya n'aggya ebbaluwa mu mukono gw'ababaka n'agisoma: Keezeekiya n'ayambuka mu nnyumba ya MUKAMA n'agyanjuluza mu maaso ga MUKAMA.

15 N'asaba ne yeegayirira MUKAMA nga agamba nti,

16 "Ayi MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri, atuula wakati mu bakerubbi, ggwe Katonda wekka afuga obwakabaka bwonna obw'omu nsi, ggwe wakola eggulu n'ensi.

17 Otege okutu kwo Ayi MUKAMA owulire, ozibule amaaso go, Ayi MUKAMA, olabe: owulire ebigambo byonna ebya Sennakeribu by'aweerezza okuvuma Katonda omulamu.

18 “Mazima ddala MUKAMA, bakabaka b’e Bwasuli baazisa amawanga
gonna n’ensi zaago,
19 ne basuula bakatonda baabwe mu muliro: kubanga tebaali baka-
tonda, naye mulimu gwa ngalo z’abantu, miti na mayinja; kyebaava
babazikiriza.
20 Kale nno, ayi MUKAMA Katonda waffe, tulokole mu mukono gwa
Sennakeribu, obwakabaka bwonna obw’ensi butegeere nga ggwe wekka
ggwe MUKAMA.”

21 Awo Isaaya mutabani wa Amozi n’atumira Keezeekiya ng’ayogera
nti, “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti, Kubanga
onneegayiridde ku bya Sennakeribu kabaka w’e Bwasuli,
22 kino kye kigambo kye mmwogeddeko:

“ ‘Omuwala wa Sayuuni embeerera
akunyooma era akusekerera.
Omuwala wa Yerusaalemi
akunyeenyeza omutwe gwe nga bw’odduka.
23 Ani gw’ovumye
gw’ovodde?
Era ani gw’oyimuyisirizzaako eddoboozi lyo n’okanulira n’amaaso?
Omutukuvu wa Isirayiri!
24 Okozesezza abaddu bo
okuvuma Mukama n’oyogera nti,
Nyambuse n’amagaali gange amangi ku ntikko y’olusozi,
ntuuse ku njuyi ez’omunda eza Lebanooni;
era ntemedde ddala emivule gyakwo emiwanvu,
n’enfugo zaakwo ezisinga obulungi,
era natuuka ne ku lusozi lwakwo olukomererayo,
ekibira kyayo ekisinga obunene.
25 Waduula nti wasima enzizi
era n’onywa n’amazzi mu mawanga
era nti ebigere by’abajaasi bo
byakaliza amazzi g’omugga Kiyira mu Misiri.’

26 “Tewawulira nga nakisalawo dda?
Nakiteekateeka dda.
Mu biro eby’edda nakiteekateeka;
era kaakano nkituukirizza,
olyoke ofuule ebibuga ebiriko bbugwe
okuba ng’entuumo y’amayinja.
27 Abantu baamu kyebaavanga baggwaamu amaanyi,
ne baterebuka
ne bakeŋŋentererwa
ne baba ng’essubi mu nnimiro, ng’omuddo omuto,
ng’omuddo ogumera ku nnyumba
ogwokebwa ne gufa nga tegunnakula.

28 “Naye mmanyi obutuuliro bwo
era mmanyi okufuluma kwo n’okuyingira kwo
n’obuswandi bw’ondaga.
29 Kubanga oneereegeddeko,
okwepanka kw’okoze nkutuuseeko.

Era kaakano ntuuse okuteeka eddobo mu nnyindo zo,*
n'oluuma ndufumite mu mimwa gyo,
nkuzzeeyo
ng'opaala mu kkubo lye wajjiramu."

### *Katonda Atuukiriza Ekisuubizo kye*

30 Awo Isaaya n'agamba Keezeekiya nti,
"Kano ke kabonero akanaakuweebwa:
Omwaka guno mugenda kulya eŋŋaano eyeemeza yokka.
Eno gye muliryako n'omwaka ogwokubiri.
Mu mwaka ogwokusatu
mulirya ku birime byammwe bye musize
era ne mukungula mu nnimiro zammwe ez'emizabbibu.
31 Abantu ba Yuda abalifikkawo baliba ng'ebisimbe
emirandira gyabyo nga gikka wansi ate nga bigimuka ne bibala.
32 Mu Yerusaalemi walibaawo abalisigalawo
ne ku Lusozi Sayuuni walibeerawo abaliwona,
kubanga MUKAMA Ayinzabyonna mu bumalirivu bwe,
yeewaddeyo okukikola.
33 "Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA ku bikwata ku Kabaka w'e
Bwasuli nti,
"Kabaka oyo taliyingira mu kibuga kino
wadde okulasayo akasaale.
Talikisemberera n'engabo
newaakubadde okutuumako ekifunvu ng'akitaayiza.
34 Ekkubo lye yajjiramu lye limu ly'anaakwata okuddayo.
Tajja kuyingira mu kibuga kino,"
bw'ayogera MUKAMA.
35 "Ndirwanirira ekibuga kino
nkirokole."
36 Awo malayika wa MUKAMA n'afuluma n'atta mu lusiisira olw'Abasuli
abantu emitwalo kkumi na munaana mu enkumi ttaano. Abaasigalawo
bagenda okuzuukuka enkya nga wonna wajjudde mirambo.
37 Awo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'avaayo n'addayo n'abeera e
Nineeve.
38 Lumu bwe yali ng'asinziza mu ssabo lya Nisuloki katonda we,
Adulammereki, ne Salezeri batabani be ne bamusalira olukwe ne bamutta:
ne baddukira mu nsi ya Alalati. Esaludooni mutabani we n'amusikira.

# 38

### *Okusaba Kwa Keezeekiya ng'Alwadde*

1 Mu nnaku ezo Keezeekiya n'alwala nnyo, katono afe. Nnabbi Isaaya
mutabani wa Amozi n'ajja gy'ali n'amugamba nti, "Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA nti, Teekateeka ennyumba yo, kubanga togenda kulama, ogenda
kufa."
2 Awo Keezeekiya n'akyuka n'atunuulira ekisenge n'asaba ne yee-
gayirira MUKAMA
3 ng'agamba nti, "Jjukira kaakano, Ayi MUKAMA, nkwegayiridde, engeri
gye natambuliranga mu maaso go n'amazima n'omutima ogutuukiridde,

* **37:29** Abasuli baateekanga amalobo mu nnyindo zaabo be baawambanga, ne baddira n'oluuma ne bafumita mu mimwa gy'abo be baawambanga

ne nkola ebisaanidde mu maaso go.” Era Keezeekiya n’akaaba nnyo amaziga.
4 Awo Ekigambo kya Katonda ne kijja eri Isaaya,
5 nga MUKAMA agamba nti, “Genda ogambe Keezeekiya nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda wa Dawudi kitaawo nti, Mpulidde okusaba kwo, ndabye amaziga go: laba nzija kwongera ku nnaku zo emyaka kkumi n’ettaano.
6 Era ndikuwonya ggwe n’ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w’e Bwasuli: Era ndikuuma ekibuga kino.
7 “ ‘Era kano ke kabonero k’onoofuna okuva eri MUKAMA nti MUKAMA alikola ekigambo ky’ayogedde.
8 Laba nzija kuzza emabega ekisiikirize ebigere kkumi enjuba bw’eneeba egwa, ky’eneekola ku madaala kabaka Akazi ge yazimba.’ ” Bw’etyo enjuba n’edda emabega ebigere kkumi.
9 Awo Keezeekiya Kabaka wa Yuda bwe yassuuka, n’awandiika ebigambo bino;

10 nayogera nti, “Mu maanyi g’obulamu bwange
mwe nnali ŋŋenda okufiira nnyingire mu miryango gy’emagombe,
nga simazeeyo myaka gyange egisigaddeyo.”
11 Ne ndyoka njogera nti,
“Sigenda kuddayo kulaba MUKAMA,
mu nsi y’abalamu.
Sikyaddamu kulaba bantu mu nsi abantu mwe babeera.
12 Obulamu bwange buzingiddwako
ng’eweema y’omusumba w’endiga bw’enzigibwako.
Ng’olugoye lwe babadde balanga ate ne balusala ku muti kwe babadde balulukira,
bwe ntyo bwe nawuliranga emisana n’ekiro nga obulamu bwange obumalirawo ddala.
13 Ekiro kyonna nakaabanga olw’obulumi
nga ndi ng’empologoma gw’emmenyaamenya amagumba,
ekiro n’emisana nga ndowooza nga MUKAMA yali amalawo obulamu bwange.
14 Nakaabanga ng’akasanke oba akataayi,
n’empuubaala ng’enjiibwa,
amaaso gange ne ganfuyirira olw’okutunula mu bbanga eri eggulu.
Ne nkaaba nti, Ayi Mukama, nga nnyigirizibwa, nziruukirira.”

15 Naye ate nga naagamba ki?
Yali ayogedde nange nga ye yennyini ye yali akikoze.
N’atambulanga n’obwegendereza mu bulumi buno
obw’obulamu bwange.
16 Ayi Mukama, olw’ebyo, abantu babeera abalamu,
era mu ebyo omwoyo gwange mwe gubeerera omulamu.
Omponye,
mbeere mulamu.
17 Ddala laba okulumwa ennyo bwe ntyo kyali ku lwa bulungi bwange,
naye ggwe owonyezza obulamu bwange okugwa mu bunnya obw’okuzikirira.
Kubanga otadde ebibi byange byonna
emabega wo.
18 Kubanga tewali n’omu mu nsi y’abafu ayinza kukutendereza,
abafu tebayinza kukusuuta;

tebaba na ssuubi
mu bwesigwa bwo.
19 Akyali omulamu,
y'akutendereza nga nze bwe nkola leero;
bakitaabwe b'abaana babategeeza
nga bw'oli omwesigwa ennyo.

20 MUKAMA alindokola,
kyetunaavanga tuyimba
ne tukuba n'ebivuga eby'enkoba ennaku zonna ez'obulamu bwaffe,
mu nnyumba ya MUKAMA.
21 Isaaya yali agambye nti, "Baddire ekitole ky'ettiini bakisiige ku jjute,
liwone."
22 Kubanga Keezeekiya yali abuuzizza nti, "Kabonero ki akalaga nga
ndiwona ne ntuuka okulagako mu nnyumba ya MUKAMA?"

# 39

*Ababaka Okuva e Babulooni*

1 Awo mu nnaku ezo Merodakubaladani mutabani wa Baladani kabaka
w'e Babulooni, n'aweereza Keezeekiya ebbaluwa n'ekirabo, kubanga
yawulira nti yali alwadde naye ng'awonye.
2 Keezeekiya n'abasanyukira, n'abalaga ennyumba ye ey'ebintu bye
eby'omuwendo omungi, effeeza ne zaabu, n'ebyakaloosa, n'amafuta
ag'omuwendo omungi, n'ennyumba yonna ey'ebyokulwanyisa. Byonna
ebyali mu bugagga bwe, tewaali kintu mu nnyumba ye newaakubadde
mu bwakabaka bwe bwonna Keezeekiya ky'ataabalaga.
3 Awo Isaaya nnabbi n'ajja eri kabaka Keezeekiya n'amubuuza nti,
"Abasajja banno bagamba ki? Era bavudde wa okujja gy'oli?"
Keezeekiya n'amuddamu nti, "Bazze wange, bava mu nsi ey'ewala e
Babulooni."
4 N'amubuuza nti, "Balabye ki mu nnyumba yo?"
Keezeekiya n'addamu nti, "Byonna ebiri mu nnyumba yange babirabye,
tewali kintu mu byobugagga bwange kye sibalaze."
5 Awo Isaaya n'agamba Keezeekiya nti, "Wuliriza MUKAMA Katonda
ow'Eggye ky'agamba:
6 Laba, ennaku zijja, byonna ebiri mu nnyumba yo n'ebyo bajjajjaabo
bye baaterekanga ebikyaliwo n'okutuusa leero, lwe biritwalibwa e Babu-
looni, ne watasigala kintu na kimu, bw'ayogera MUKAMA.
7 N'abamu ku batabani bo, ggwe kennyini b'ozaala balitwalibwa mu
lubiri lwa kabaka w'e Babulooni ne balaayibwa."
8 Awo Keezeekiya n'agamba Isaaya nti, "Ekigambo kya MUKAMA
ky'oŋŋambye kirungi." Kubanga yalowooza nti, "Kasita emirembe,
n'obutebenkevu binaabangawo mu mulembe gwange."

# 40

*Ebigambo eby'Essuubi*

1 Mugumye, mugumye abantu bange,
bw'ayogera Katonda wammwe.
2 Muzzeemu Yerusaalemi amaanyi mumubuulire nti,
entalo ze ziweddewo,
n'obutali butuukirivu bwe

busasuliddwa.
Era MUKAMA amusasudde emirundi ebiri
olw'ebibi bye byonna.

3 Eddoboozi ly'oyo ayogera
liwulikika ng'agamba nti,
"Muteeketeeke ekkubo lya MUKAMA mu ddungu,
mutereeze oluguudo lwe mu ddungu.
4 Buli kiwonvu kirigulumizibwa,
na buli lusozi n'akasozi ne bikkakkanyizibwa.
N'obukyamu buligololwa,
ebifo ebitali bisende ne bitereezebwa.
5 Ekitiibwa kya MUKAMA kiribikkulwa,
ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu,
kubanga akamwa ka MUKAMA ke kakyogedde."

6 Ne mpulira eddoboozi nga ligamba nti,
"Yogera mu ddoboozi ery'omwanguka."

Ne ŋŋamba nti, "Nnaayogera ki?" Ne linziramu nti, gamba nti,
"Abantu bonna bali nga muddo, n'obulungi bwabwe bumala ennaku
ntono ng'ebimuli eby'omu nnimiro.
7 Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera,
omukka gwa MUKAMA bwe gugufuuwako.
Mazima abantu muddo.
8 Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera,
naye ekigambo kya Katonda waffe kibeerera emirembe gyonna."

9 Ggwe abuulira Sayuuni ebigambo ebirungi,
werinnyire ku lusozi oluwanvu;
ggwe abuulira Yerusaalemi ebigambo ebirungi,
yimusa eddoboozi lyo n'amaanyi, liyimuse oyogere, totya.
Gamba ebibuga bya Yuda nti, "Laba Katonda wammwe ajja!"
10 Laba, MUKAMA Katonda ajja n'amaanyi mangi
era afuga n'omukono gwe ogw'amaanyi ag'ekitalo.
Laba empeera ye eri mu mukono gwe,
buli muntu afune nga bw'akoze.
11 Aliisa ekisibo kye ng'omusumba,
akuŋŋaanya abaana b'endiga mu mukono gwe
n'abasitula mu kifuba kye,
n'akulembera mpola mpola ezibayonsa.
12 Ani eyali ageze amazzi g'ennyanja mu kibatu kye,
n'apima eggulu n'oluta,
n'apima enfuufu y'oku nsi mu kibbo,
oba n'apima ensozi ku minzaani,
n'obusozi ku kipima?
13 Ani eyali aluŋŋamizza Omwoyo wa MUKAMA?
Ani ayinza okumuyigiriza n'amuwa amagezi?
14 Ani gwe yali yeebuuzizzako amuwe ku magezi,
era ani eyali amuyigirizza ekkubo ettuufu?
Ani eyali amusomesezza eby'amagezi n'amulaga okuyiga,
n'okumanya n'okutegeera?

15 Laba amawanga gali ng’ettondo eriri mu nsuwa,
era ng’enfuufu ekutte ku minzaani,
apima ebizinga ng’apima olufuufu ku minzaani.
16 N’ensolo zonna ez’omu kibira kya Lebanooni tezimala kubeera kiweebwayo eri Katonda waffe,
n’emiti gyamu gyonna mitono nnyo tegisobola kuvaamu nku zimala.
17 Amawanga gonna ag’omu nsi
gabalibwa mu maaso ge,
gy’ali gabalibwa nga si kintu n’akamu.

18 Kale ani gwe mulifaananya Katonda?
Oba kifaananyi ki kye mulimugeraageranyizaako?
19 Ekifaananyi ekyole omukozi akifumba,
n’omuweesi wa zaabu n’akibikkako zaabu,
n’akibikkako n’emikuufu egya ffeeza.
20 Oyo omwavu atasobola kufuna ffeeza
oba zaabu afuna omuti omugumu ogutavunda
ne yenoonyeza omukozi omugezigezi
okusimba n’okunyweza ekifaananyi ekyole.
21 Temunnamanya,
temunnawulira,
temubuulirwanga
okuva ku kutondebwa kw’ensi?
22 Katonda atuula ku nsi enneekulungirivu,
era gy’ali abantu bali ng’amayanzi.
Atimba eggulu ng’olutimbe
era alibamba ng’eweema ey’okubeeramu.
23 Afuula abafuzi obutaba kintu,
afuula n’abalamuzi mu nsi okuba ekitaliimu.
24 Bali ng’ebisimbe ebyakamera biba bya kasimbibwa,
biba byakasigibwa,
biba byakaleeta emirandira,
nga abifuuwa nga biwotoka,
ng’embuyaga ebitwalira ddala ng’ebisasiro.
25 “Kale mulinfaananya ani,
ani gwe mulinnenkanya?” bw’ayogera Omutukuvu.
26 Muyimuse amaaso gammwe mulabe ebiri ku ggulu.
Ani eyatonda ebyo byonna?
Oyo afulumya ebyaka eby’omu bbanga afulumya kina kimu,
byonna nga bwe biri, n’abiyita amannya gaabyo.
Olw’obukulu bw’obuyinza bwe era kubanga wa maanyi ga nsusso,
tewali na kimu kibulako.

27 Lwaki ogamba ggwe Yakobo era ne wemulugunya ggwe Isirayiri nti,
“Mukama tamanyi mitawaana gye mpitamu,
era tafaayo nga tuggyibwako
eddembe lyaffe ery’obwebange”?
28 Tonnamanya?
Tonnawulira?
Mukama, ye Katonda ataliggwaawo.
Omutonzi w’enkomerero y’ensi.
Tazirika so takoowa

era n’amagezi ge tewali n’omu ayinza kugapima.
29 Awa amaanyi abazirika,
n’oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi.
30 Abavubuka bazirika, bakoowa,
n’abalenzi bagwira ddala.
31 Naye abo abalindirira MUKAMA
baliddamu buggya amaanyi gaabwe,
balitumbiira n’ebiwaawaatiro ng’empungu;
balidduka mbiro ne batakoowa,
balitambula naye ne batazirika.

# 41

*Katonda Agumya Isirayiri*

1 “Musirike mumpulirize mmwe ebizinga,
amawanga gaddemu amaanyi.
Mwetegeke okuleeta emisango gyammwe mu mbuga mujja kufuna obwogerero.
Tukuŋŋaane tulabeko omutuufu.

2 “Ani eyayita omuweereza we okuva mu buvanjuba,
eyamuyita akole emirimu gye amuweereze mu butuukirivu?
Ani eyamuwa obuwanguzi ku bakabaka ne ku mawanga,
n’abafuula ng’enfuufu n’ekitala kye,
obusaale bwe ne bubafuula ebisasiro
ebitwalibwa empewo?
3 N’agenda ng’abagoba embiro n’ayita bulungi mu makubo
ebigere bye gye by’ali bitayitanga.
4 Ani eyakola kino ng’ayita emirembe gy’abantu
okuva ku lubereberye?
Nze MUKAMA ow’olubereberye
era ow’enkomerero, nze wuuyo.”

5 Ebizinga by’alaba ne bitya;
n’ensi yonna n’ekankana: baasembera kumpi ne batuuka.
6 Buli muntu yayamba muliraanwa we ng’agamba nti;
“Guma omwoyo!”
7 Awo omubazzi n’agumya omuweesi wa zaabu omwoyo,
n’oyo ayooyoota n’akayondo
n’agumya oyo akuba ku luyijja
ng’ayogera ku kyuma ekigatta nti, “Nga kirungi,”
era ne bakikomerera n’emisumaali kireme okusagaasagana.

*Isirayiri Yalondebwa Katonda*

8 “Naye ggwe Isirayiri omuweereza wange,
Yakobo gwe nalonda,
ezzadde lya Ibulayimu mukwano gwange,
9 ggwe, gwe naggya ku nkomerero y’ensi
ne nkuyita okuva mu bitundu by’ensi ebikomererayo ddala,
ne nkugamba nti, ‘Oli muddu wange,’
nze nakulonda so sikusuulanga:
10 Totya kubanga nze ndi wamu naawe;
tokeŋŋentererwa, kubanga nze Katonda wo.

Nnaakuwanga amaanyi.
Wewaawo nnaakuyambanga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange."

### *Isirayiri Alinnya ku Balabe be*

11 "Laba, abo bonna abakukambuwalidde
balikwatibwa ensonyi ne balaba ennaku.
Abo abakuwakanya balifuuka ekitagasa
ne baggwaawo.
12 Olibanoonya abo abaakukijjanyanga
naye n'otobalaba.
Abo abaakulwanyisanga
baliggwaamu ensa.
13 Kubanga nze MUKAMA Katonda wo
akukwata ku mukono ogwa ddyo,
nze nkugamba nti,
Totya nze nzija kukuyamba.
14 Wadde ng'oli lusiriŋŋanyi
totya, ggwe Isirayiri,
kubanga nnaakuyamba," bw'ayogera MUKAMA Omununuzi wo,
Omutukuvu wa Isirayiri.
15 "Laba ndikufuula ng'ekyuma ekiggya ekisala ennyo,
ekyogi eky'amannyo amangi.
Muliwuula ensozi ne muzimementulira ddala,
obusozi ne mubufuula ebisusunku.
16 Oliziwewa empewo n'ezifuumula,
embuyaga ezifuumuka zizisaasaanye.
Era naawe olisanyukira mu MUKAMA,
era mu Mutukuvu wa Isirayiri mw'olyenyumiririza."

### *MUKAMA Ayimusa Isirayiri*

17 "Abaavu n'abali mu bwetaavu bwe baneetaganga amazzi
ne baganoonya naye ne gababula,
ate nga ennimi zaabwe zikaze,
nze MUKAMA ndibawulira,
nze Katonda wa Isirayiri siribaleka.
18 Ndikola emigga ku busozi obutaliiko kantu,
era n'ensulo wakati mu biwonvu.
Olukoola ndirufuula ennyanja,
n'eddungu lirivaamu enzizi z'amazzi.
19 Ndisimba mu lukoola omuvule ne akasiya,
omumwanyi n'omuzeyituuni,
ate nsimbe mu ddungu
enfugo n'omuyovu awamu ne namukago.
20 Abantu balyoke balabe bamanye,
balowooze
era batuuke bonna okutegeera nti omukono gwa MUKAMA gwe gukoze kino,
nti Omutukuvu wa Isirayiri yakikoze."

### *MUKAMA Asoomooza Bakatonda Abalala*

21 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda gye muli mmwe nti,
"Mmwe bakatonda baamawanga, mujje nammwe mwogere.
Muleete ensonga zammwe tuziwulire," bw'ayogera Kabaka wa Yakobo.

22 “Baleete bakatonda bwabwe
batubuulire ebigenda okubaawo.
Batubuulire n’ebyaliwo emabega,
tusobole okubimanya,
n’okubirowoozaako
n’okumanya ebinaavaamu oba okutubuulira ebigenda okujja.
23 Mutubuulire ebigenda okubaawo
tulyoke tumanye nga muli bakatonda.
Mubeeko kye mukola ekirungi oba ekibi
tulyoke tutye era tukeŋŋentererwe mu mutima.
24 Laba, temuliiko bwe muli
ne bye mukola tebigasa.
Abo ababasinza bennyamiza.
25 Nonze omuntu alifuluma mu bukiikakkono akoowoola erinnya lyange,
abeera mu buvanjuba.
Alirinnyirira abafuzi ng’asamba ettaka,
abe ng’omubumbi asamba ebbumba.
26 Ani eyakyogera nti kiribeerawo tulyoke tumanye,
eyakyogera edda tulyoke tugambe nti, ‘Wali mutuufu?’
Tewali n’omu yakyogerako,
tewali n’omu yakimanya
era tewali n’omu yawulira kigambo na kimu okuva gye muli.
27 Nasooka okubuulira Sayuuni
era ne mpeereza omubaka e Yerusaalemi ababuulire amawulire amalungi.
28 Naye tewali n’omu mu bakatonda bammwe eyabategeeza kino.
Tewali n’omu awa bigambo biruŋŋamya,
tewali n’omu addamu bwe mbuuza.
29 Laba, bonna temuli nsa!
Bye bakola byonna tebigasa.
Ebifaananyi byabwe byonna ebibajje, mpewo na butaliimu.”

# 42

### *Omuweereza wa Katonda*

1 Laba omuweereza wange gwe mpanirira,
omulonde wange gwe nsanyukira ennyo.
Ndimuwa Omwoyo wange
era alireeta obwenkanya eri amawanga.
2 Talireekaana
wadde okuyimusa eddoboozi lye mu luguudo.
3 Talimenya lumuli lubetentefu
oba okuzikiza olutambi olwaka empola ennyo;
mu bwesigwa alireeta obwenkanya.
4 Taliremererwa oba okuggwaamu essuubi okutuusa ng’aleesewo obutebenkevu ku nsi.
N’ebizinga eby’ewala
biririndirira amateeka ge.

5 Bw’atyo bw’ayogera Mukama Katonda,
eyatonda eggulu n’alibamba.
Eyayanjuluza ensi ne byonna ebigivaamu;
awa omukka abantu baakwo

era n’obulamu eri bonna abagitambulirako.
6 “Nze MUKAMA,
nakuyita mu butuukirivu.
Ndikukwata ku mukono era ndikukuuma.
Ndikufuula okuba endagaano eri abantu,
era omusana eri bannamawanga.
7 Okuzibula amaaso g’abazibe,
okuta abasibe okuva mu makomera
n’okuggya abo abali mu bunnya, abo abali mu kizikiza.

8 “Nze MUKAMA,
eryo lye linnya lyange, n’ekitiibwa kyange sirikiwa mulala,
newaakubadde ettendo lyange okukiwa bakatonda abalala.
9 Laba, ebyo bye nagamba nti
biribaawo bituuse,
kaakano mbabuulira ku bigenda okujja;
mbibategeeza nga tebinnabaawo.”

### *Oluyimba olw’Okutendereza MUKAMA*

10 Muyimbire MUKAMA oluyimba oluggya,
ettendo lye okuva ku nkomerero y’ensi!
Mmwe abasaabala ku nnyanja ne byonna ebigirimu,
mmwe ebizinga ne bonna ababibeeramu.
11 Leka eddungu n’ebibuga byamu biyimuse amaloboozi gaabyo,
ebyalo Kedali mw’atuula.
Leka abantu b’e Seera bayimbe n’essanyu.
Leka baleekaanire waggulu ku ntikko z’ensozi.
12 Leka MUKAMA bamuwe ekitiibwa
era balangirire ettendo lye mu bizinga.
13 MUKAMA, anafuluma okulwana ng’omutabaazi ow’amaanyi,
era ng’omutabaazi ow’amaanyi alijja yeeswanta,
n’okuleekaana ng’alangirira olutalo.
Era aliwangula abalabe be.

### *Katonda Asuubiza Okuyamba Abantu be*

14 “Ebbanga ggwanvu nga siriiko kye ŋŋamba,
nga nsirise neekuumye.
Naye okufaanana ng’omukazi alumwa okuzaala,
nkaaba, mpejjawejja era nzisa ebikkowe.
15 Ndizikiriza ensozi n’obusozi,
egyo emiddo gyakwo gyonna ndi wakugiwotosa.
Era ndikaza ebinywa byabwe byonna
n’emigga ndigifuula ebizinga.
16 Era ndikulembera abantu bange abazibe ba maaso mu kkubo lye batamanyi
n’abayise mbaluŋŋamize mu makubo ge batamanyidde.
Ndifuula ekizikiza okuba omusana mu maaso gaabwe
n’ebifo ebizibu okuyitamu ndibirongoosa.
Ebyo by’ebintu bye ndikola,
sirireka bantu bange.
17 Naye abo abeesiga bakatonda abalala, ababagamba nti,
‘Mwe bakatonda baffe,’ balikwasibwa ensonyi,
era baligobebwa, mu buswavu obungi.”

*Ekibi ky'Eggwanga n'Okubonerezebwa*

18 "Muwulire mmwe bakiggala,
mutunule mmwe bamuzibe, mulabe.
19 Ani muzibe okuggyako omuweereza wange,
oba kiggala okuggyako omubaka wange gwe ntuma?
Eriyo eyaziba amaaso asinga oyo eyeewaayo gye ndi,
oba omuzibe ng'omuweereza wa MUKAMA?
20 Olabye ebintu bingi naye tobifuddeko,
amatu go maggule naye tolina ky'owulira."
21 Kyasanyusa MUKAMA olw'obulungi obw'obutuukirivu bwe
okukuza amateeka ge
n'okugassaamu ekitiibwa.
22 Naye bano, bantu be,
ababbibwa ne banyagibwa bonna
ne basibibwa mu binnya oba abasibibwa mu makomera.
Bafuuka munyago
nga tewali n'omu abanunula,
bafuuliddwa abanyage
nga tewali n'omu agamba nti, "Bateebwe baddeyo."

23 Ani ku mmwe anaawuliriza kino,
oba anaafaayo ennyo n'awuliriza mu biro ebigenda okujja?
24 Ani eyawaayo Yakobo okuba omunyago
ne Isirayiri eri abanyazi?
Teyali MUKAMA gwe twayonoona?
Ekyo yakikola
kubanga tebaagoberera makubo ge.
Tebaagondera mateeka ge.
25 Kyeyava abafukako obusungu bwe obubuubuuka
n'obulumi bw'entalo.
Beebungululwa ennimi z'omuliro naye tebaategeera.
Gwabookya naye ne batakissaako mwoyo.

# 43

*Omulokozi wa Isirayiri Ali Omu Yekka*

1 Naye kaakano bw'atyo bw'ayogera MUKAMA oyo eyakutonda,
ggwe Yakobo,
eyakukola ggwe Isirayiri:
"Totya kubanga nkununudde,
nakuyita nga mpitira ddala erinnya lyo, oli wange.
2 Bw'onooyitanga mu mazzi amawanvu
nnaabeeranga naawe,
ne bw'onooyitanga mu migga
tegirikusaanyaawo;
bw'onooyitanga mu muliro
tegukwokyenga,
ennimi z'omuliro tezirikwokya.
3 Kubanga nze MUKAMA Katonda wo,
Katonda Omutukuvu owa Isirayiri; Omulokozi wo.
Mpayo Misiri ggwe osobole okuteebwa,
era Kuusi ne Seba mbiwaayo gwe ofune emirembe gyo.
4 Kubanga oli wa muwendo gye ndi, ow'ekitiibwa,

era kubanga nkwagala,
ndiwaayo abasajja ku lulwo
mpeeyo n'abantu ku lw'obulamu bwo.
5 Totya, kubanga nze ndi nawe,
ndireeta ezzadde lyo okuva ebuvanjuba
era nkukuŋŋaanye okuva ebugwanjuba.
6 Ndigamba obukiikakkono nti, 'Waayo b'olina,'
n'obukiikaddyo nti, 'Tobagaanira.'
Leeta batabani bange okuva ewala
ne bawala bange okuva ku nkomerero y'ensi.
7 Buli muntu yenna ayitibwa erinnya lyange,
gwe natonda olw'ekitiibwa kyange,
gwe nakola gwe natonda."

### *Eggwanga Erirondeddwa nga Omujulirwa*

8 Fulumya abo abalina amaaso naye nga tebalaba,
abalina amatu naye nga tebawulira.
9 Amawanga gonna ka gakuŋŋaane
n'abantu bajje.
Ani ku bo eyali ayogedde ku bintu bino?
Ani ku bo eyali alangiridde ebyaliwo?
Leka baleete abajulizi okukakasa nti baali batuufu
abawulira bagambe nti, "Ddala bwe kiri."
10 "Muli bajulirwa bange," bw'ayogera MUKAMA,
"omuweereza wange gwe nalonda:
mulyoke mummanye, munzikirize,
mutegeere nga Nze wuuyo:
Tewali Katonda eyansooka
era teriba mulala alinzirira.
11 Nze, Nze mwene, nze MUKAMA;
okuggyako nze tewali Mulokozi.
12 Nze naleeta okwolesebwa ne nangirira ne ndokola;
nze so si katonda mulala mugwira mu mmwe.
Muli bajulirwa bange," bw'ayogera MUKAMA.
13 "Weewaawo, okuva mu nnaku ez'edda Nze Nzuuyo;
tewali n'omu ayinza okuwonya omuntu mu mukono gwange.
Kye nkola ani ayinza okukikyusa?"
14 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA,
Omununuzi wammwe, Omutukuvu wa Isirayiri nti,
"Ku lwammwe nditumya e Babulooni,
ndeetere ab'e Babulooni bonna nga bawambe
mu byombo ebyabeewanya.
15 Nze MUKAMA, Omutukuvu wammwe,
Omutonzi wa Isirayiri, Kabaka wammwe."

16 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA,
oyo eyakola ekkubo mu nnyanja,
n'oluguudo mu mazzi amangi ennyo,
17 eyaleetera amagaali, n'embalaasi n'eggye, n'abaali bazze okubayamba,
byonna awamu okugwa omwo,
ne bitaddamu kusituka, nga bizikiridde,
nga bikomye ng'akatambi akabadde kaaka:
18 "Mwerabire eby'emabega,

so temulowooza ku by'ayita.
19 Laba, nkola ekintu ekiggya!
Kaakano kitandise okulabika, temukiraba?
Nkola oluguudo mu ddungu
ne ndeeta emigga mu lukoola.
20 Ensolo ez'omu nsiko zinzisaamu ekitiibwa,
ebibe n'ebiwuugulu;
kubanga nze ngaba amazzi mu ddungu,
n'emigga mu lukoola,
okunywesa abantu bange, abalonde bange,
21 abantu be nnekolera
balangirire ettendo lyange.

22 "So tonkowodde ggwe, Yakobo,
era teweekooyeza ggwe Isirayiri.
23 Tondeetedde ndiga ey'ebiweebwayo ebyokebwa,
wadde okunzisaamu ekitiibwa ne ssaddaaka zo.
Sikukaluubirizanga nga nkusaba ebiweebwayo ebyempeke
wadde okukukooya n'obubaane.
24 Tondeeteddeeyo bubaane buwunya kawoowo
wadde okunzikusa n'amasavu ga ssaddaaka zo,
naye onkoyesezza n'ebibi byo,
era n'onteganya n'obutali butuukirivu bwo.

25 "Nze, Nze mwene,
nze wuuyo asangula ebyonoono byo ku lwange nze,
so sirijjukira bibi byo.
26 Nzijukiza eby'edda, tuwoze ffembi,
jjangu ensonga tuzoogereko fembi,
yogera ebiraga nga toliiko musango.
27 Kitaawo eyasooka yasobya,
abakulembeze bo baanjemera.
28 Kyendiva ndiswaza abakungu ba yeekaalu yo,
era ndiwaayo Yakobo azikirizibwe
ne Isirayiri aswazibwe."

# 44

*Isirayiri Eyalondebwa*

1 "Naye kaakano ggwe Yakobo omuweereza wange, wuliriza,
ggwe Isirayiri gwe nalonda.
2 Bw'ati bw'ayogera Mukama oyo,
eyakutonda era eyakubumba mu lubuto,
ajja kukuyamba.
Totya ggwe Yakobo,* omuweereza wange,
ggwe Yesuruni gwe nalonda.
3 Kubanga ndifuka amazzi ku ttaka
eririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu.
Ndifuka Omwoyo wange ku zadde lyo,
era n'omukisa gwange ku bazzukulu bo.
4 Era balimera ng'omuddo ku mabbali g'enzizi,

* **44:2** Wano Yakobo kitegeeza Isirayiri

babe ng'emiti egiri ku mabbali g'emigga.
5 Omu aligamba nti, 'Nze ndi wa MUKAMA,'
n'omulala ne yeeyita erinnya lya Yakobo,
n'omulala ne yeewandiikako nti, 'Wa MUKAMA,'
ne yeetuuma Isirayiri.

6 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA kabaka wa Isirayiri era Omununuzi we,
MUKAMA Katonda ow'Eggye:
Nze w'olubereberye era nze nkomererayo
era tewali Katonda mulala we ndi.
7 Ani afaanana nga nze,
akirangirire,
eyali asobola okumanya n'alangirira ebigenda okubaawo
okuviira ddala ku ntandikwa?
Leka batubuulire ebigenda okubaawo.
8 Temutya wadde okuggwaamu amaanyi.
Saakirangirira ne ntegeeza ebigenda okujja?
Mmwe bajulirwa bange.
Eriyo Katonda omulala okuggyako nze? Nedda.
Tewali Lwazi lulala,
sirina lwe mmanyi."

9 Abo abakola bakatonda abakole n'emikono tebaliimu nsa,
era ebyo bye basanyukira okukola tebirina kye bigasa.
Abajulirwa baabwe tebalaba so tebalina kye bamanyi,
balyoke bakwatibwe ensonyi.
10 Ani akola Katonda omubajje oba asaanuusa ekifaananyi ekyole ekitaliiko kye kiyamba?
11 Laba ye ne banne balikwatibwa ensonyi.
N'ababazzi nabo bantu buntu.
Leka bonna bakuŋŋaane, banjolekere; balikwatibwa ensonyi n'entiisa.
Ensonyi ziribatta bonna era bagwemu entiisa.

12 Omuweesi akwata ekitundu ky'ekyuma
n'akiyisa mu manda, agaliko omuliro.
Akikolako n'akitereeza n'ennyondo mu maanyi ge.
Enjala emuluma,
n'aggwaamu amaanyi,
tanywa mazzi era akoowa.
13 Omubazzi akozesa olukoba okupima olubaawo
era n'alamba n'ekkalaamu.
Akinyiriza ne landa,
n'akiramba kyonna n'ekyuma ekigera,
n'akikolamu ekifaananyi ky'omuntu ng'omuntu bw'afaanana,
kiryoke kiteekebwe mu nnyumba.
14 Atema emivule oba n'addira enzo oba omuyovu n'agusimba
oba n'aguleka gukule n'emiti mu kibira,
oba n'asimba enkanaga,
enkuba n'egikuza.
15 Abantu bagukozesa ng'enku,
ezimu n'azitwala n'azikozesa okukuma omuliro ne yeebugumya.
Akuma omuliro n'afumba emigaati.
Naye ekitundu ekirala akikolamu katonda n'amusinza,

akola ekifaananyi ekikole n'emikono n'akivuunamira.
16 Ekitundu ky'olubaawo akyokya mu muliro,
ekitundu ekirala akyokesa ennyama
n'agirya n'akutta.
Ayotako n'abuguma nga bw'agamba nti,
"Mbugumye, omuliro ngutegedde!"
17 Ekitundu ekisigaddewo akikolamu katonda,
ekifaananyi ekikole n'emikono,
era n'akivuunamira n'akisinza n'akyegayirira n'agamba nti,
"Mponya, kubanga ggwe katonda wange."
18 Tebaliiko kye bamanyi so tebaliiko kye bategeera,
amaaso gaabwe gazibye n'okuyinza ne batayinza kulaba,
n'okutegeera ne batayinza kutegeera.
19 Tewali n'omu ayimirira n'alowooza,
tewali n'omu amanyi wadde ategeera okugamba nti,
"Ekimu ekyokubiri ekyakwo nkyokezza mu muliro,
era ne nfumba n'obugaati ku manda gaakyo,
njokezzaako n'ennyama n'engirya.
Ekitundu kyakyo kifuuse eky'omuzizo?
Nvuunamire ekisiki ky'omuti?"
20 Alya vvu. Omutima gwe gumulimbalimba,
tasobola kwerokola wadde okwebuuza nti,
"Kino ekiri mu mukono gwange ogwa ddyo si bulimba?"

### *Mukama, Omutonzi era Omulokozi*

21 "Jjukira ebintu bino, ggwe Yakobo;
oli muweereza wange ggwe Isirayiri.
Nze nakubumba, oli muweereza wange,
ggwe Isirayiri sirikwerabira.
22 Ebyonoono byo mbyezeewo n'embisenda ng'ekire, n'ebibi byo ne
mbyerawo ng'olufu olw'omu makya. Komawo gye ndi kubanga
nakununula."

23 Yimba n'essanyu ggwe eggulu
kubanga ekyo Mukama yakikoze.
Muleekaane n'essanyu mmwe abali wansi ku nsi.
Muyimbe mmwe ensozi, mmwe ebibira na buli muti ogulimu.
Mukama anunudde Yakobo
era yeegulumiriza mu Isirayiri.

### *Yerusaalemi kya Kuzzibwawo*

24 "Bw'ati bw'ayogera Mukama Omulokozi wo,
eyakutondera mu lubuto.

"Nze Mukama,
eyatonda ebintu byonna,
eyabamba eggulu nzekka,
eyayanjuluza ensi obwomu,
25 asazaamu abalaguzi bye balagudde
era abalogo abafuula abasirusiru.
Asaabulula eby'abagezi
n'afuula bye balowoozezza okuba eby'obusirusiru.
26 Anyweza ekigambo ky'omuweereza we

n'atuukiriza obubaka bwa babaka bange.

“Ayogera ku Yerusaalemi nti, ‘Kirituulibwamu,’
ne ku bibuga bya Yuda nti, ‘Birizimbibwa,’
ne ku bifo ebyazika nti, ‘Ndibizzaawo.’
27 Agamba amazzi g'obuziba bwe nnyanja nti, ‘Kalira,
era ndikaliza emigga gyo.’
28 Ayogera ku Kuulo nti, ‘Musumba wange
era alituukiriza bye njagala byonna.’
Alyogera ku Yerusaalemi nti, ‘Kizimbibwe,’
ne ku yeekaalu nti, ‘Emisingi gyayo gizimbibwe.’ ”

# 45

1 “Bw'ati Mukama bw'agamba Kuulo gwe yafukako amafuta,
oyo gwe mpadde amaanyi mu mukono gwe ogwa ddyo
okujeemulula amawanga mu maaso ge
era n'okwambula bakabaka ebyokulwanyisa byabwe,
okuggulawo enzigi ezimuli mu maaso,
emiryango eminene gireme kuggalwawo.
2 Ndikukulembera
ne ntereeza ebifo ebigulumivu.
Ndimenyaamenya emiryango egy'ebikomo
ne ntemaatema ebisiba eby'ekyuma.
3 Era ndikuwa obugagga obwakwekebwa mu bifo ebyekusifu
era n'ebintu ebyakwekebwa mu bifo ebyekyama
olyoke omanye nga nze Mukama,
Katonda wa Isirayiri akuyitira ddala erinnya lyo.
4 Ku lwa Yakobo omuweereza wange ne ku lwa Isirayiri omulonde wange
kyenvudde nkuyita erinnya,
ne nkuwa ekitiibwa
wadde nga tonzisaako mwoyo.
5 Nze Mukama, tewali mulala.
Tewali katonda mulala wabula nze.
Ndikuwa amaanyi
wadde nga tonzisaako mwoyo,
6 balyoke bamanye nga okuva enjuba gy'eva okutuuka gyegenda
tewali mulala wabula nze.
Nze Mukama,
tewali mulala.
7 Nze nteekawo ekitangaala
ne ntonda ekizikiza.
Nze ndeeta okukulaakulana n'okubonaabona.
Nze Mukama akola ebyo byonna.

8 “Mmwe eggulu eriri waggulu,
mutonnyese obutuukirivu.
Ebire bitonnyese obutuukirivu.
Ensi egguke n'obulokozi bumeruke,
ereete obutuukirivu.
Nze Mukama nze nagitonda.

9 “Zimusanze oyo ayomba n'omutonzi we!
Zimusanze oyo oluggyo mu nzigyo z'ensi.

Bbumba ki eribuuza oyo alibumba nti,
'Obumba ki?'
Oba omulimu gwo okukubuuza nti,
'Aliko emikono?'
10 Zimusanze oyo agamba kitaawe nti,
'Wazaala ki?'
Oba nnyina nti,
'Kiki ky'ozadde?'

11 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Omutukuvu wa Isirayiri
era Omutonzi we nti,
'Lwaki mumbuuza ebigenda okujja,
oba ebikwata ku baana bange,
oba okumpa ebiragiro ku bikwata ku mirimu gy'emikono gyange?'
12 Nze nakola ensi ne ngitonderamu abantu. Emikono gyange gyennyini
gye gyayanjuluza eggulu, era ne ndagira eby'omu bwengula byonna
bitondebwewo.
13 Ndiyimusa Kuulo mu butuukirivu
era nditereeza amakubo ge gonna.
Alizimba ekibuga kyange
n'asumulula abantu bange abaawaŋŋangusibwa;
naye si lwa mpeera oba ekirabo,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye.
14 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Ebiva mu Misiri n'ebyamaguzi bya Kuusi birireetebwa,
n'abo Abasabeya abawanvu
balijja
babeere abaddu bo,
bajje nga bakugoberera
nga basibiddwa mu njegere.
Balikuvuunamira bakwegayirire nga bagamba nti,
'Ddala Katonda ali naawe, ye Katonda yekka, tewali Katonda mulala.' "

15 Ddala oli Katonda eyeekweka,
ggwe Katonda wa Isirayiri era Omulokozi we.
16 Bonna abakola bakatonda abakole n'emikono baliswazibwa,
balikwatibwa ensonyi, bonna balikwata ekkubo limu nga baswadde.
17 Naye Isirayiri alirokolebwa MUKAMA
n'obulokozi obutaliggwaawo.
Temuukwatibwenga nsonyi,
temuuswalenga emirembe gyonna.

18 Kubanga bw'atyo bw'ayogera MUKAMA eyatonda eggulu,
ye Katonda eyabumba ensi n'agikola.
Ye yassaawo emisingi gyayo.
Teyagitonda kubeera nkalu
naye yagikola etuulwemu.
Ye yagamba nti, "Nze MUKAMA so tewali mulala.
19 Soogereranga mu kyama,
oba mu nsi eyeekizikiza.
Sigambanga bazzukulu ba Yakobo nti,
'Munoonyeze bwereere.'
Nze MUKAMA njogera mazima,

mbuulira ebigambo eby'ensonga.

20 “Mwekuŋŋaanye mujje,
mukuŋŋaane, mmwe abasigaddewo mu mawanga.
Tebalina magezi abo abasitula ebifaananyi ebibajje,
abasaba eri katonda atasobola kubalokola.
21 Mukuŋŋaane muleete ensonga zammwe.
Muteese muyambagane.
Ani eyayogera nti kino kiribaawo?
Ani eyakyogerako edda?
Si nze MUKAMA?
Tewali Katonda mulala wabula nze,
Katonda omutuukirivu era Omulokozi,
tewali mulala wabula nze.

22 “Mudde gye ndi, mulokoke,
mmwe mwenna abali ku nkomerero z'ensi,
kubanga nze Katonda so tewali mulala.
23 Neerayiridde,
ekigambo kivudde mu kamwa kange mu mazima
so tekiriggibwawo mu maaso gange.
Buli vviivi lirifukamira,
na buli lulimi lulirayira!
24 Balinjogerako nti, ‘Mu MUKAMA mwokka mwe muli obutuukirivu n'amaanyi.’ ”
Bonna abaamusunguwalira
balijja gy'ali nga baswadde.
25 Naye mu MUKAMA ezzadde lyonna erya Isirayiri mwe liriweerwa obutuukirivu
era mwe liryenyumiririza.

# 46

## *Bakatonda b'e Babulooni*

1 Beri avunnama,
Nebo akutamye!
Ebifaananyi bya bakatonda baabwe biteekeddwa ku nsolo ez'omu nsiko, era ne ku nte.
Ebifaananyi bya bakatonda baabwe migugu mizito ddala ku ndogoyi ezikooye.
2 Bikutamye byonna bivuunamye.
Tebiyinza kuyamba ku mbeera,
byo byennyini bitwaliddwa mu busibe.

3 “Mumpulire mmwe, ennyumba ya Yakobo
n'abantu bonna abasigaddewo mu nnyumba ya Isirayiri.
Mmwe be nnalera okuva lwe mwava mu lubuto,
be nasitula okuva lwe mwazaalibwa.
4 Ne mu bukadde bwammwe nzija kusigala nga ye nze Nzuuyo.
Ne bwe muliba mulina envi nnaabasitulanga.
Nze nabakola era nze nnaabawekanga.
Nnaabasitulanga era nnaabanunulanga.

5 “Ani gwe mulinfaananya era gwe mulinnenkanya
era gwe mulingerageranyaako tufaanane?
6 Eriyo abaggya zaabu ennyingi mu nsawo zaabwe
ne bapima ne ffeeza ku minzaani.
Olwo ne bapangisa omuweesi wa zaabu n’agiweesaamu katonda waabwe,
ne bagwa wansi ne basinza.
7 Katonda waabwe ne bamusitulira ku kibegabega, ne bamuwa ekifo w’anaayimiriranga.
N’ayimirira awo,
n’atava mu kifo kye.
Oli ne bw’amukaabirira tayinza kumuddamu,
tayinza kumuwonya mu mitawaana gye.

8 “Mujjukire kino mmwe, mulowooze mu mitima gyammwe.
Mwekube mu kifuba, mmwe abajeemu.
9 Mujjukire ebigambo ebyasooka eby’edda ennyo.
Kubanga nze Katonda, teri mulala.
Nze Katonda, teri ali nga nze;
10 alanga ku ntandikwa ebigenda okubaawo.
Okuva ku mirembe egy’edda ennyo,
nalanga ebintu ebitannabaawo, nga ŋŋamba nti, ‘Enteekateeka zange zijja kubaawo
era ndituukiriza byonna bye nategeka.’
11 Mpita ekinyonyi ekikwakkula ebiramu ebirala.
Omusajja* ava ebuvanjuba mu nsi eyewala, anaakola bye njagala.
Weewaawo njogedde era nnaatuukiriza.
Nga bwe nategeka bwe nnaakola.
12 Mumpulirize mmwe abalina emitima emikakanyavu,
abakyama ennyo ne bava mu kkubo ly’obutuukirivu.
13 Nsembeza kumpi obutuukirivu bwange,
tebuli wala.
N’obulokozi bwange tebuulwewo.
Ndireeta obulokozi mu Sayuuni,
ne nzizaawo ekitiibwa kyange mu Isirayiri.”

# 47

*Babulooni Esalirwa Omusango*

1 “Omuwala wa Babulooni embeerera,
kakkana wansi otuule mu nfuufu,
tuula wansi awatali ntebe ya bwakabaka,
ggwe omuwala w’Abakaludaaya.
Ekibuga ekitawangulwangako.
Toliddayo nate kuyitibwa kyatika oba nnalulungi.
2 Ddira olubengo ose obutta.
Ggyako akatimba ku maaso,
situla ku ngoye z’oku magulu
oyite mu mazzi.
3 Obwereere bwo bulibikkulwa;
obusungu bwo bulyeraga.
Nzija kuwoolera eggwanga;

* **46:11** Kino kyogera ku Kuulo

tewali muntu yenna gwe ndirekawo.”

4 Omununuzi waffe MUKAMA Katonda ow’Eggye lye linnya lye,
ye Mutukuvu wa Isirayiri.

5 “Tuula mu kasirise
yingira mu kizikiza ggwe omuwala w’Abakaludaaya,
tebakyakuyita kabaka omukazi
afuga obwakabaka obungi.
6 Nnali nsunguwalidde abantu bange,
ne nyonoonesa omugabo gwange.
Nabawaayo mu mikono gyo,
n’otobasaasira n’akatono.
N’abakadde wabateekako ekikoligo ekinene ennyo.
7 Wayogera nti,
‘Nzija kubeera kabaka omukazi emirembe gyonna,’
naye n’otolowooza ku bintu bino
wadde okulowooza ku kyali kigenda okubaawo.

8 “Kale nno kaakano wuliriza kino,
ggwe awoomerwa amasanyu
ggwe ateredde mu mirembe gyo,
ng’oyogera mu mutima gwo nti,
‘Nze ndiwo era tewali mulala wabula nze.
Siribeera nnamwandu
wadde okufiirwa abaana.’
9 Ebintu bino byombi birikutuukako mangu nnyo mu lunaku lumu,
eky’okufiirwa abaana
n’okufuuka nnamwandu.
Birikutuukako mu kigera kyabyo ekituufu,
newaakubadde obulogo bwo nga bungi okuyitirira,
n’eby’obufumu byo nga bigenze wala.
10 Weesiga obutali butuukirivu bwo,
n’olowooza nti, ‘Siriiko annondoola.’
Amagezi go era n’okumanya kwo byakuwabya,
bwe wayogera nti, ‘Nze ndiwo, era teri mulala wabula nze.’
11 Kyokka ensasagge erikujjira
era tolimanya ngeri yakugyeggyako;
n’okuzikirira kw’otoliyinza kweggyako na muwendo gwa nsimbi;
akabi k’otolirabirawo kalikutuukako amangu ddala.

12 “Weeyongere nno n’obulogo bwo
n’obufumu bwo obwayinga obungi,
bwe wanyiikiriramu okuva mu buto bwo.
Oboolyawo olibaako kyoggyamu,
oboolyawo olikolawo ekyobulabe.
13 Amagezi ago g’ofuna gakukooya bukooya.
Abalagulira ku munyeenye basembera,
n’abo abakebera emmunyeenye,
era aboogera ebiribaawo buli mwezi, babadduukirire mu bigenda okubatuukako.
14 Laba, bali ng’ebisusunku
era omuliro gulibookya!

Tebalyewonya
maanyi ga muliro.
Tewaliiwo manda ga kukubugumya
wadde omuliro ogw'okwota!
15 Ekyo kye bayinza okukukolera kyokka;
b'obonyeebonye nabo
b'oteganidde okuva mu buto bwo.
Buli muntu alikwata ekkubo lye nga yeeyongera okukola ebibi bye
era tewali n'omu ayinza okukulokola."

# 48

*Katonda bye Yayogera Bituukirira*

1 "Muwulire kino, mmwe ennyumba ya Yakobo,
abayitibwa erinnya lya Isirayiri,
era abaava mu nda ya Yuda.
Mmwe abalayirira mu linnya lya MUKAMA,
era abaatula Katonda wa Isirayiri,
naye si mu mazima wadde mu butuukirivu.
2 Kubanga beeyita ab'ekibuga ekitukuvu,
abeesiga Katonda wa Isirayiri,
MUKAMA Katonda ow'Eggye lye linnya lye.
3 Okuva ku ntandikwa, nayasanguza ebyali bigenda okubaawo;
byava mu kamwa kange ne mbyogera.
Amangwago ne tubikola ne bituukirira."
4 Kubanga namanya obukakanyavu bwammwe;
ebinywa by'ensingo nga bikakanyavu ng'ekyuma;
ekyenyi ng'ekikomo.
5 Nabamanyisizaawo edda ebyali bigenda okujja nga tebinnabaawo,
muleme kugamba nti,
"Bakatonda bange be baabikola:
Ekifaananyi kyange ekyole
n'ekifaananyi ekisaanuuse bye byakikola."
6 Mulabe ebintu bino nabibagamba dda,
era temubikkirize?

"Okuva leero nzija kubabuulira ku bintu ebiggya ebigenda okujja,
eby'ekyama bye mutawulirangako.
7 Mbikola kaakano,
so si ekiseera ekyayita:
mwali temubiwulirangako mu biseera eby'emabega
si kulwa nga mugamba nti, 'Laba nnali mbimanyi.'
8 Towulirangako wadde okutegeera.
Okuva edda n'edda okutu kwo tekuggukanga.
Kubanga namanya nti wali kyewaggula,
okuva ku kuzaalibwa kwo wayitibwa mujeemu.
9 Olw'erinnya lyange
ndwawo okusunguwala. Olw'ettendo lyange
ndwawo okukusunguwalira nneme okukuzikiriza.
10 Laba nkugezesezza naye si nga ffeeza.
Nkugezesezza mu kirombe ky'okubonaabona.
11 Ku lwange nze,
ku lwange nze ndikikola. Erinnya lyange nga livumiddwa.

Ekitiibwa kyange sirikiwa mulala.

*Isirayiri Enunulibwa*

12 “Mpuliriza ggwe Yakobo.
Isirayiri gwe nalonda.
Nze Nzuuyo.
Nze ow’olubereberye era nze ow’enkomerero.
13 Omukono gwange gwe gwateekawo omusingi gw’ensi,
era omukono gwange ogwa ddyo ne gwanjuluza eggulu.
Bwe mbiyita
byombi bijja.

14 “Mwekuŋŋaanye mwenna
mujje muwulire!
Ani ku bo eyali alangiridde ebintu bino?
MUKAMA amwagala; ajja kutuukiriza ekigendererwa kye e Babulooni,
era omukono gwe gwolekere Abakaludaaya.*
15 Nze; Nze nzennyini nze njogedde.
Nze namuyita.
Ndimuleeta
era alituukiriza omulimu gwe.
16 “Munsemberere muwulirize bino.
“Okuva ku lubereberye saayogera mu kyama.
Nze mbaddewo okuviira ddala ku ntandikwa.”

Era kaakano MUKAMA Ayinzabyonna
n’Omwoyo we antumye.

17 Bw’atyo bw’ayogera MUKAMA, Omununuzi wammwe,
Omutukuvu wa Isirayiri nti,
“Nze MUKAMA Katonda wo
akuyigiriza okukulaakulana,
akukulembera mu kkubo ly’oteekwa okutambuliramu.
18 Singa kale wali owulirizza ebiragiro byange!
Wandibadde n’emirembe egikulukuta ng’omugga!
Era n’obutuukirivu bwo ng’amayengo g’ennyanja,
19 ezzadde lyo lyandibadde ng’omusenyu
abaana bo ng’obuweke bwagwo.
Erinnya lyabwe teryandivuddewo
wadde okuzikirira nga wendi.”

20 Muve mu Babulooni,
mudduke Abakaludaaya.
Mugende nga mutegeeza amawulire gano n’essanyu.
Mugalangirire wonna wonna
n’okutuusa ku nkomerero y’ensi.
Mugambe nti, “MUKAMA anunudde omuddu we Yakobo!”
21 So tebaalumwa nnyonta bwe yabayisa mu malungu.
Yabakulukusiza amazzi mu lwazi:
yayasa olwazi
amazzi ne gavaamu.

---

* **48:14** Abakaludaaya be Bababulooni

22 “Tewali mirembe eri aboonoonyi,” bw’ayogera MUKAMA.

# 49

*Omuweereza wa MUKAMA*

1 Mumpulirize mmwe ebizinga,
mmwe muwulire kino amawanga agali ewala.
Nnali sinazaalibwa MUKAMA n’ampita.
Bwe nnali nkyali mu lubuto lwa mmange n’ayatula erinnya lyange.
2 Yakola akamwa kange ng’ekitala eky’obwogi,
nankweka mu kisiikirize ky’omukono gwe.
Yanfuula akasaale akazigule
era nankweka mu mufuko gwe.
3 Era n’aŋŋamba nti, “Ggwe muweereza wange, Isirayiri,
mu ggwe mwe ndiweerwa ekitiibwa.”
4 Naye ne njogera nti, “Nteganidde bwereere,
amaanyi gange ng’amalidde bwereere era gafudde busa.
Kyokka ate MUKAMA yannamula,
n’empeera yange eri ne Katonda wange!”

5 Era kaakano MUKAMA ayogera,
oyo eyammumba mu lubuto okubeera omuweereza we,
okukomyawo Yakobo gy’ali
era n’okukuŋŋaanya Isirayiri gy’ali.
Kubanga ndi wa kitiibwa mu maaso ga MUKAMA
era Katonda wange afuuse amaanyi gange.
6 MUKAMA agamba nti,
“Eky’okubeera omuweereza wange
n’okuzza amawanga ga Yakobo
era n’okukomyawo abantu ba Isirayiri kintu kitono nnyo.
Nzija kukufuula ekitangaala eri abamawanga,
olyoke oleete obulokozi bwange eri ensi yonna.”

7 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA,
Omununuzi era Omutukuvu wa Isirayiri,
eri oyo eyanyoomebwa n’akyayibwa amawanga,
eri omuweereza w’abafuzi nti,
“Bakabaka baliyimirira ne bakuwa ekitiibwa,
abalangira balikulaba ne bakuvuunamira.
Kino kiribaawo ku lwa MUKAMA, omwesigwa Omutukuvu wa Isirayiri,
oyo akulonze.”

*Isirayiri Azzibwawo*

8 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
“Ndikwanukula mu biro mwe ndisiimira,
ku lunaku olw’obulokozi ndikuyamba.
Ndikukuuma ne nkufuula endagaano eri abantu,
muliddayo ku ttaka lyammwe ne muddizibwa ebitundu byammwe ebyazika,
9 nga mugamba abasibe nti, ‘Muveemu,’
n’abo abali mu kizikiza nti, ‘Mube n’eddembe!’

“Banaaliranga ku mabbali g’ekkubo,

ne ku ntikko z'obusozi bwonna obwereere banasangangako omuddo.
10 Tebaalumwenga njala newaakubadde ennyonta,
ebbugumu ly'omu ddungu teriibakwatenga newaakubadde omusana okubookya.
Oyo abakwatirwa ekisa alibakulembera,
anaabatwalanga awali enzizi z'amazzi.
11 Era ndifuula ensozi zange zonna okuba amakubo
era enguudo zange ennene zirigulumizibwa.
12 Laba, abantu bange balidda okuva ewala,
abamu, baliva mu bukiikakkono
n'abalala ebuvanjuba, n'abalala bave mu nsi ye Sinimu."

13 Yogerera waggulu n'essanyu, era jjaguza ggwe ensi.
Muyimbe mmwe ensozi!
Kubanga MUKAMA agumya abantu be era alisaasira abantu be ababonyaabonyezebwa.

14 Naye Sayuuni n'ayogera nti, "MUKAMA andese,
era Mukama wange anneerabidde."

15 "Nnyina w'omwana ayinza okwerabira omwana we gw'ayonsa,
n'atasaasira mwana eyava mu lubuto lwe?
Weewaawo, wadde ng'ayinza okumwerabira
naye nze sirikwerabira.
16 Laba, nkuwandiise mu bibatu by'engalo zange;
ebisenge byo binaabeeranga mu maaso gange.
17 Abaana bo banguwa okujja era abakuzimba balisukkuluma ku bakuzikiriza
era abo abaakuzikirizanga balikuvaamu bagende.
18 Yimusa amaaso go otunule enjuuyi zonna olabe.
Abantu bo beekuŋŋaanya bajja gy'oli.
Nga bwe ndi Katonda omulamu,
balikwesiimisa, obambale ng'ebikomo n'emidaali ebyebbeeyi
ng'omugole bw'ayambala malidaadi," bw'ayogera MUKAMA.

19 "Wadde nga wazika n'olekebwa awo ensi yo n'ezikirizibwa,
kaakano ojja kubeera mufunda nga toja mu bantu bo,
era abo abakuteganya
banaakubeeranga wala.
20 Abantu bo abazaalibwa mu buwaŋŋanguse
lumu balyogera ng'owulira nti,
'Ekifo kino nga kifuuse kifunda bulala;
tuwe ekifo aw'okubeera.'
21 N'olyoka oyogera mu mutima gwo nti,
'Ani eyanzaalira abaana bano bonna?
Nafiirwa abaana bange bonna ng'ate ndi mugumba.
Nawaŋŋangusibwa ne nsigala nzekka.
Bano baava ludda wa?
Nasigala nzekka,
naye ate bano, baava wa?' "

*Okuzzibwawo kwa Isirayiri mu Kitiibwa*

22 Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, "Laba, ndikolera abamawanga obubonero
era ndiyimusiza abantu ebbendera yange:
era balireeta batabani bo nga babasitulidde mu bifuba
ne bawala bo nga babasitulidde ku bibegabega byabwe.
23 Era bakabaka be balibeera ba kitammwe babalabirire,
ne bannabagereka babeere bamaama ababayonsa.
Balivuunama mu maaso go nga batunudde wansi;
balikomba enfuufu y'omu bigere byo.
Olwo lw'olimanya nti nze MUKAMA,
abo bonna abannindirira n'abansuubiriramu tebalikwatibwa nsonyi."

24 Omunyago guyinza okuggyibwa ku mutabaazi,
oba omuwambe omutuukirivu okuwona omutabaazi?
25 Naye bw'ati bw'ayogera MUKAMA:
"N'oyo eyawambibwa omutabaazi alisumululwa ateebwe,
n'omunyago guggyibwe ku mulabe wo,
kubanga ndiyomba n'oyo ayomba naawe,
era ndirokola mponye abaana bo.
26 Ndiriisa abakujooga ennyama yaabwe bo.
Era balittiŋŋana batamiire omusaayi gwabwe, nga wayini.
Olwo abalina omubiri bonna bamanye nti nze MUKAMA Omulokozi wo,
Omununuzi wo,
ow'Amaanyi owa Yakobo."

# 50

### *Ekibi Kyawukanya Isirayiri ku Katonda*

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Ebbaluwa egoba nnyammwe, kwe namugobera eri ludda wa?
Oba nabatunda eri ani?
Mwatundibwa lwa bikolwa byammwe ebibi;
olw'obutali butuukirivu bwammwe nnyammwe kyeyava agobwa.
2 Lwaki bwe najja tewaali muntu n'omu?
Bwe nakoowoola lwaki tewaali muntu n'omu annyanukula?
Omukono gwange gwali mumpi nnyo okukununula?
Mbuliddwa amaanyi agakununula?
Laba nnyinza okwogera obwogezi ennyanja n'ekalira,
emigga ne ngifuula eddungu,
ebyennyanja byamu ne bifa ennyonta,
ne bivunda olw'okubulwa amazzi.
3 Nyambaza eggulu,
n'ekizikiza ne nkiwa ebibukutu okulibikka."

4 MUKAMA Ayinzabyonna ampadde olulimi
oluyigirizibbwa, mmanye ebigambo ebigumya abo abakooye.
Anzukusa buli nkya,
buli nkya anzukusa okuwulira by'anjigiriza.
5 MUKAMA Ayinzabyonna azibudde okutu kwange
ne siba mujeemu.
Sizzeeyo mabega.
6 N'awaayo omugongo gwange eri abankuba,
n'amatama gange eri abo abankunyuulako ekirevu.

Saakweka maaso gange eri abo abansekerera
n'eri abo abanfujjira amalusu.
7 Kubanga MUKAMA Ayinzabyonna anyamba
kyennaava siswazibwa.
Noolwekyo kyenvudde n'egumya
era mmanyi nti siriswazibwa.
8 Kubanga oyo ampolereza ali kumpi.
Ani alinnumiriza omusango?
Twolekagane obwenyi.
Ani annumiriza?
Ajje annumbe.
9 MUKAMA Ayinzabyonna y'anyamba.
Ani alinsalira omusango?
Bonna balikaddiwa bayulike ng'ekyambalo;
ennyenje ziribalya.

10 Ani ku mmwe atya MUKAMA,
agondera ekigambo ky'omuweereza we?
Oyo atambulira mu kizikiza,
atalina kitangaala
yeesige erinnya lya MUKAMA
era yeesigame ku Katonda we.
11 Naye mmwe mwenna abakoleeza omuliro,
ne mwekoleereza ettaala z'omuliro,
mutambulire mu kitangaala ky'omuliro gwammwe,
ne mu kitangaala kye ttaala ze mukoleezeza.
Naye kino kye munaafuna okuva mu mukono gwange;
muligalamira mu nnaku.

# 51

*Okukubirizibwa Okwesiga Katonda*

1 "Mumpulirize,
mmwe abanoonya obutuukirivu, mmwe abanoonya MUKAMA:
Mutunuulire olwazi lwe mwatemebwako,
n'obunnya bw'ekirombe gye mwasimibwa.
2 Mulowooze ku Ibulayimu jjajjammwe
ne Saala eyabazaala.
Kubanga we namuyitira yali bw'omu
ne mmuwa omukisa ne mmwaza.
3 Kubanga ddala MUKAMA alikubagiza Sayuuni;
akwatirwe ekisa ebifo byakyo byonna ebyazika
era afuule olukoola lwe lwonna okuba Adeni,
n'eddungu libeere ng'ennimiro ya MUKAMA;
Essanyu n'okujaguza biryoke bibeere omwo,
okwebaza n'amaloboozi ag'okuyimba.

4 "Mumpulirize, mmwe abantu bange;
era muntegere okutu mmwe ensi yange.
Kubanga etteeka lifuluma okuva gye ndi,
obwenkanya bwange bubeere omusana eri amawanga.
5 Obutuukirivu bwange
busembera mangu nnyo,

obulokozi bwange buli mu kkubo.
Era omukono gwange gujja kuleeta obwenkanya eri amawanga.
Ebizinga birinnindirira era birindirire n'essuubi omukono gwange okubirokola.
6 Muyimuse amaaso gammwe eri eggulu,
mutunuulire ensi wansi!
Kubanga eggulu lirivaawo ng'omukka
n'ensi ekaddiwe ng'ekyambalo.
Abagituulamu balifa ng'ensowera.
Naye obulokozi bwange bunaabeereranga emirembe gyonna,
so n'obutuukirivu bwange tebujjulukukenga.

7 "Mumpulirize,
mmwe abamanyi obutuukirivu,
eggwanga eririna amateeka gange
mu mitima gyammwe.
Temutya kuvumibwa bantu
wadde okukeŋŋentererwa olw'okuyomba kwabwe.
8 Kubanga ennyenje ziribalya nga bwe zirya ebyambalo.
N'obuwuka bubalye ng'obulya ebyoya by'endiga.
Naye obutuukirivu bwange bunaabeereranga ennaku zonna.
Obulokozi bwange bunywere emirembe gyonna."

9 Zuukuka,
zuukuka oyimuke otuyambe Ayi MUKAMA Katonda.
Kozesa amaanyi go otuyambe.
Gakozese nga edda.
Si ggwe wuuyo eyatemaatemamu Lakabu obufiifi?
Si ye ggwe eyafumita ogusota?
10 Si ggwe wuuyo eyakaliza ennyanja,
amazzi ag'obuziba obuwanvu ennyo
ne gafuuka ekkubo
abantu be wanunula bayitewo?
11 N'abo MUKAMA be wawonya
balikomawo
ne bajja mu Sayuuni nga bayimba.
Essanyu ery'emirembe n'emirembe liriba nga ngule ku mitwe gyabwe.
Balisanyuka ne bajaguza; ennaku n'okusinda bibadduke.

### *MUKAMA Alinunula Abantu be*

12 "Nze, nze mwene, nze nzuuno abawa amaanyi.
Mmwe baani abatya omuntu alifa,
n'omwana w'omuntu ali ng'omuddo,
13 ne weerabira MUKAMA Omutonzi wo
eyabamba eggulu,
n'ateekawo n'emisingi gy'ensi,
ebbanga lyonna ne mubeera mu kutya
obusungu bw'abo abakunyigiriza,
oyo eyemalidde mu kuzikiriza?
Kubanga kale buliruddawa obulabe bw'oyo abanyigiriza?
14 Abo be bawamba ne basibibwa banaatera okuteebwa,
tebalifiira mu bunnya,
era tebalibulwa mmere gye balya.

15 Kubanga nze MUKAMA Katonda wo,
asiikuula amayengo g'ennyanja ne gawuluguma:
MUKAMA ow'Eggye lye linnya lye.
16 Ntadde ebigambo byange mu kamwa ko,
era nkubisse mu kisiikirize ky'omukono gwange.
Nze nakola eggulu ne nteekawo emisingi gy'ensi;
era nze wuuyo agamba Sayuuni nti,
'Muli bantu bange!' "

### *Ekikopo ky'Obusungu bwa MUKAMA*

17 Zuukuka, zuukuka, oyimirire ggwe Yerusaalemi
eyanywa okuva eri MUKAMA ekikompe eky'obusungu bwe,
eyanywa n'omaliramu ddala
ekibya ekitagaza.
18 Ku baana aboobulenzi bonna be yazaala
tewali n'omu wa kumukulembera.
Ku baana bonna aboobulenzi be yakuza
tewali n'omu wa kumukwata ku mukono.
19 Ebintu bino ebibiri bikuguddeko
ani anaakunakuwalirako?
Okuzika n'okuzikirira, enjala, n'ekitala,
ani anaakubeesabeesa?
20 Batabani bo bazirise,
bagudde ku buli nsonda y'oluguudo
ng'engabi egudde mu kitimba.
Babuutikiddwa ekiruyi kya MUKAMA,
n'okunenyezebwa kwa Katonda wo.

21 Noolwekyo wulira kino ggwe, atamidde naye si lwa mwenge.
22 Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA Ayinzabyonna,
Katonda wo alwanirira abantu be.
"Laba mbaggyeeko ekikompe kye nabawa
olw'ekiruyi kye nalina, ekyabatagaza.
Temuliddayo
kukinywa nate.
23 Ndikiteeka mu mikono gy'abo abaababonyaabonya abaabagamba nti,
'Mugwe wansi mwegolole tubatambulireko.'
Emigongo gyammwe gibe ng'ettaka,
ng'oluguudo olw'okulinnyirira."

## 52

### *Katonda Alizzaawo Yerusaalemi*

1 Zuukuka, zuukuka,
oyambale amaanyi go, ggwe Sayuuni.
Ggwe Yerusaalemi ekibuga ekitukuvu,
teekako ebyambalo byo ebitemagana.
Kubanga okuva leero mu miryango gyo
temukyayingira mu atali mukomole n'atali mulongoofu.
2 Weekunkumuleko enfuufu,
yimuka otuule ku ntebe ey'obwakabaka ggwe Yerusaalemi.
Weesumulule enjegere mu bulago bwo,
ggwe Omuwala wa Sayuuni eyanyagibwa.
3 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,

“Mwatundibwa bwereere
era mujja kununulibwa awatali kusasula nsimbi.”
4 Kubanga bw’ati bw’ayogera MUKAMA Ayinzabyonna nti,
“Omulundi ogwasooka abantu bange baagenda e Misiri okusengayo,
oluvannyuma, Omwasuli n’abajooga.
5 “Kaakano kiki ate kye ndaba wano?
“Kubanga abantu bange baatwalirwa bwereere
era abo ababafuga babasekerera,”
bw’ayogera MUKAMA.
“Erinnya lyange
livvoolebwa olunaku lwonna.
6 Mu biseera ebijja abantu bange balimmanya.
Olunaku lujja lwe balitegeera nga nze nakyogera.
Weewaawo, Nze.”
7 Nga birungi ku nsozi ebigere by’oyo aleeta amawulire amalungi,
alangirira emirembe,
aleeta ebigambo ebirungi,
alangirira obulokozi,
agamba Sayuuni nti, “Katonda wo afuga.”
8 Wuliriza!
Amaloboozi g’abakuumi bo gawulikika, gayimusiddwa.
Bonna awamu bajaguza olw’essanyu.
Kubanga okudda kwa MUKAMA mu Sayuuni balikulaba n’amaaso gaabwe.
9 Mubaguke okuyimba ennyimba ez’essanyu mwenna,
mmwe ebifo bya Yerusaalemi ebyazika.
Kubanga MUKAMA asanyusizza abantu be,
anunudde Yerusaalemi.
10 MUKAMA aliraga omukono gwe omutukuvu eri amawanga gonna,
bagulabe.
Enkomerero z’ensi zonna
ziriraba obulokozi bwa Katonda waffe.

11 Mugende, mugende muveewo awo.
Temukwata ku kintu kyonna kitali kirongoofu.
Mukifulumemu mubeere balongoofu
mmwe abasitula ebyombo bya MUKAMA.
12 Naye temulivaamu nga mwanguyiriza
so temuligenda nga mudduka;
kubanga MUKAMA alibakulembera abasookeyo;
Katonda wa Isirayiri y’alibakuuma.

### *Okubonaabona n’Ekitiibwa ky’Omuweereza wa MUKAMA*

13 Laba, omuweereza wange by’akola alibikozesa magezi,
aliyimusibwa asitulibwe, era assibwemu nnyo ekitiibwa.
14 Ng’abaamulaba ne bennyamira bwe baali abangi,
endabika ye ng’eyonoonese nnyo nga takyafaananika,
era ng’eyonoonese evudde ku y’abantu,
15 bw’atyo bw’anawuniikiriza amawanga mangi;
bakabaka balibunira ku lulwe;
kubanga ekyo ekitababulirwanga balikiraba,
era ekyo kye batawulirangako, balikitegeera.

# 53

1 Ani akkiriza ebigambo byaffe,
era ani abikkuliddwa omukono gwa MUKAMA?
2 Kubanga yakulira mu maaso ga MUKAMA ng'ekisimbe ekigonvu
era ng'omulandira oguva mu ttaka ekkalu.
Teyalina kitiibwa wadde obulungi obutusikiriza tulage gy'ali;
tewaali kalungi mu ye katumwegombesa.
3 Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu eyagumira ennaku n'obuyinike.
Tetwayagala na kumutunulako,
ng'omuntu gwe wandikubye amabega ng'ayitawo,
bwe twamunyooma ne tutamuyitamu ka buntu.

4 Mazima ddala yeetikka obuyinike bwaffe, n'atwala ennaku yaffe,
obulumi obwanditulumye bwe bwamunyiga.
Ate nga twalowooza nti okubonaabona kwe
kyali kibonerezo okuva eri Katonda.
5 Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe.
Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe.
Yeetikka ekibonerezo ffe tusobole okubeera n'emirembe.
Ebiwundu bye, bye bituwonya.
6 Ffenna twawaba ng'endiga;
buli omu ku ffe n'akwata ekkubo lye;
MUKAMA n'amuteekako
obutali butuukirivu bwaffe ffenna.

7 Yanyigirizibwa era n'obonyaabonyezebwa
naye talina kye yanyega,
yali ng'omwana gw'endiga ogutwalibwa okuttibwa,
era ng'endiga bwesirika obusirisi mu maaso g'abo abagisalako ebyoya bwesirika,
bw'atyo bwe yasirika.
8 Mu kunyigirizibwa n'okusalirwa omusango yatwalibwa.
Ani amanyi ku bye zadde lye?
Yaggyibwa mu nsi y'abalamu,
ng'akubiddwa olw'okusobya kw'abantu, bange.
9 Ne bamussa mu ntaana n'abakozi b'ebibi,
n'aziikibwa n'abagagga mu kufa kwe,
newaakubadde nga teyazza musango
wadde akamwa ke okwogera eby'obulimba.

10 Songa ate yali nteekateeka ya MUKAMA okumubetenta,
era n'okumuleetera okubonaabona.
Naye wadde nga MUKAMA yafuula obulamu bwe, okuba ekiweebwayo olw'ekibi, aliraba ezzadde,
era obulamu bwe bulyongerwako, n'ebyo MUKAMA by'asiima biriraba omukisa mu mukono gwe.
11 Oluvannyuma lw'okubonaabona kw'obulamu bwe,
bw'aliraba ku ebyo ebiva mu kubonaabona kwe, omutima gwe gulitereera.
Era olw'ebyo bye yayitamu omuweereza wange omutuukirivu alireetera bangi okubalirwa obutuukirivu;
era alyetikka obutali butuukirivu bwabwe.

12 Kyendiva mmuwa ekifo eky’ekitiibwa mu bangi,
era aligabira bangi omunyago
kubanga yafuka obulamu bwe okutuusa okufa,
n’abalirwa wamu n’abakozi b’ebibi.
Era yeetikka ebibi by’abangi
era ne yeegayiririra abakozi b’ebibi.

# 54

*Ekitiibwa Kya Sayuuni eky’Oluvannyuma*

1 “Yimba ggwe omugumba
atazaalanga;
tandika okuyimbira mu ddoboozi ery’omwanguka osanyukire ddala
ggwe atalumwanga kuzaala.
Kubanga ggwe eyalekebwa
ojja kuba n’abaana bangi okusinga oyo akyalina bba,”
bw’ayogera MUKAMA.
2 “Gaziya weema yo, owanvuye emiguwa gyayo,
tokwata mpola;
nyweza enkondo zo.
3 Kubanga olisaasaanira
ku mukono gwo ogwa ddyo
era n’ogwa kkono,
n’ezzadde lyo lirirya amawanga,
era abantu bo balituula mu bibuga ebyalekebwa awo ebyereere.

4 “Totya kubanga toliddayo kukwatibwa nsonyi.
Toggwaamu maanyi kubanga togenda kuswazibwa.
Olyerabira ensonyi z’obuvubuka bwo,
n’ekivume ky’obwannamwandu bwo tolikijjukira nate.
5 Kubanga Omutonzi wo ye balo,
MUKAMA Katonda ow’Eggye lye linnya lye.
Omutukuvu wa Isirayiri ye Mununuzi wo,
Katonda ow’ensi yonna, bw’ayitibwa.
6 Kubanga MUKAMA Katonda yakuyita okomewo,
ng’omukazi eyali alekeddwawo ng’alina ennaku ku mutima;
omukazi eyafumbirwa ng’akyali muto, n’alekebwawo,”
bw’ayogera Katonda wo.
7 “Nakulekako akaseera katono nnyo;
naye ndikukuŋŋaanya n’okusaasira okungi.
8 Obusungu obubuubuuka bwe bwankwata
nakweka amaaso gange okumala ekiseera,
naye ndikukwatirwa ekisa n’okwagala okutaliggwaawo,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda,
Omununuzi wo.

9 “Kubanga gye ndi,
bino biri nga bwe byali mu biseera bya Nuuwa.
Nga bwe nalayira nti amazzi ga Nuuwa tegagenda kuddamu kulabikako ku nsi,
bwe ntyo ndayira nti siriddayo kukusunguwalira wadde okukunenya.
10 Kubanga ensozi ziyinza okuvaawo n’obusozi okuggyibwawo
naye okwagala kwange okutaggwaawo tekulisagaasagana

so n'endagaano yange ey'emirembe
teriggyibwawo,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda akusaasira.

*Yerusaalemi eky'Ebiro Ebijja*

11 MUKAMA agamba nti,
"Ggwe Yerusaalemi ekibuga ekibonyaabonyezebwa, ekisuukundibwa emiyaga awatali kulaba ku mirembe;
laba ndikuzimba buto n'amayinja ag'amabala amalungi,
emisingi gyo ne gizimbibwa ne safiro.
12 Ebitikkiro byo ndibikola n'amayinja amatwakaavu,
n'emiryango gyo ne ngikola ne kabunkulo,
ne bbugwe yenna ne mwetoolooza amayinja ag'omuwendo.
13 N'abaana bo bonna baliyigirizibwa MUKAMA;
n'emirembe gy'abaana bo giriba mingi.
14 Olinywezebwa mu butuukirivu
era toojoogebwenga,
kubanga tolitya,
onoobanga wala n'entiisa kubanga terikusemberera.
15 Omuntu yenna bwakulumbanga kiriba tekivudde gye ndi.
Buli anaakulumbanga anaawangulwanga ku lulwo.
16 Laba nze natonda omuweesi,
awujja amanda agaliko omuliro
n'aweesa ekyokulwanyisa olw'omugaso gwakyo.
Era nze natonda abazikiriza abakozesa ekyokulwanyisa okumalawo obulamu.
17 Naye teri kyakulwanyisa kye baliweesa ekirikwolekera ne kikusobola,
era oliwangula buli lulimi olulikuvunaana era oluwoza naawe.
Guno gwe mugabo gw'abaddu ba MUKAMA,
n'obutuukirivu bwabwe obuva gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

# 55

*Abalumwa Ennyonta Bayitibwa*

1 "Kale mujje,
mmwe mwenna abalumwa ennyonta, mujje eri amazzi.
Mujje mmwe abatalina ssente zigula,
mujje muweebwe bye mwagala,
envinnyo oba amata ebitali bya kugula
ebitaliiko miwendo gya kusasula.
2 Lwaki musaasaanya ensimbi zammwe ku ebyo ebitali bya kulya
muteganira ebyo ebitakkusa?
Mumpulirize, mumpulirize n'obwegendereza mulye ebyo ebirungi,
emmeeme yammwe eneesanyuka nnyo.
3 Mumpulirize mujje gye ndi.
Muwulirize mubeere balamu;
nnaabakolera endagaano ey'olubeerera,
era egyo gy'emikisa gyange n'okwagala bye nasuubiza Dawudi.
4 Laba namufuula omujulirwa eri abantu,
omukulembeze era omugabe w'abantu.
5 Laba oliyita amawanga g'otomanyi,
era amawanga g'otomanyi galyanguwa okujja gy'oli.

Kiribaawo olw'obuyinza bwa MUKAMA Katonda wo
era Omutukuvu wa Isirayiri
kubanga akugulumizza."
6 Munoonye MUKAMA nga bw'akyayinzika okulabika,
mumukaabirire nga bw'akyali okumpi.
7 Omubi aleke ekkubo lye,
n'atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye.
Leka adde eri MUKAMA naye anaamusaasira, adde eri Katonda waffe
kubanga anaamusonyiyira ddala.

8 "Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe
era n'amakubo gammwe si ge makubo gange,"
bw'ayogera MUKAMA.
9 "Ng'eggulu bwe liri waggulu okukira n'ensi,
bwe gatyo amakubo gange bwe gali ewala ennyo n'amakubo gammwe,
n'ebirowoozo byange bwe biri eri ebirowoozo byammwe.
10 Era ng'enkuba bwetonnya
n'omuzira ne gugwa okuva mu ggulu
n'ebitaddayo,
wabula ne bifukirira ettaka, ebirime ne bikula,
ne bimerusa ensigo z'omusizi,
era ne biwa omuli emmere,
11 bwe kityo ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri;
tekiriddayo bwereere,
naye kirikola ekyo kye njagala
era kirituukiriza ekyo kye nakituma.
12 Kubanga mulifuluma n'essanyu
ne mugenda mirembe,
ensozi n'obusozi nabyo
ne bitandika okuyimba nga bibalabye,
n'emiti gyonna
ne gitendereza n'essanyu.
13 Mu kifo ky'omweramannyo mulimeramu olusambya,
ne mu kifo ky'omutovu mulimeramu omumwanyi.
Era kino kiribaawo erinnya lya MUKAMA limanyibwe
era ako ke kaliba akabonero akataliggwaawo
ak'emirembe n'emirembe."

# 56

### *Abantu ba Katonda Baliva mu Mawanga Gonna*

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Mukolenga obwenkanya era ebituufu,
kubanga obulokozi bwange bunaatera okujja,
n'obutuukirivu bwange
bunatera okubikkulibwa.
2 Alina omukisa omuntu akola ekyo,
n'omwana w'omuntu akinyweererako.
Akwata ssabbiiti obutagyonoona,
n'akuuma omukono gwe obutakola kibi na kimu."

3 Era ne munnaggwanga eyeegatta ku MUKAMA tayogeranga nti,

“MUKAMA, oboolyawo alinjawula ku bantu be,”
so n’omulaawe okugamba nti,
“Ndi muti mukalu.”
4 Kubanga bw’atyo bw’ayogera MUKAMA nti,
“Eri abalaawe abakwata ssabbiiti zange
ne basalawo okugoberera ebyo ebinsanyusa,
ne bakuuma endagaano yange,
5 amannya gaabwe galijjukirwa
mu yeekaalu yange mu bisenge byamu, ng’ekijjukizo
n’okusinga bwe mwandibadde n’abaana aboobulenzi n’aboobuwala.
Ndibawa erinnya eritaliggwaawo
ery’emirembe n’emirembe.
6 N’abo bannaggwanga abasalawo okwegatta ku MUKAMA,
okumuweereza era n’okwagala erinnya lya MUKAMA
era n’okubeera abaweereza be,
abakwata ssabbiiti
ne batagyonoona
era ne banyweza endagaano yange,
7 bano ndibaleeta ku lusozi lwange olutukuvu
era ne mbawa essanyu mu nnyumba yange ey’okusabiramu.
Ebiweebwayo byabwe ebyokebwa ne ssaddaaka zaabwe
birikkirizibwa ku kyoto kyange.
Kubanga ennyumba yange eriyitibwa nnyumba ya kusabiramu
eri amawanga gonna.”
8 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Ayinzabyonna,
akuŋŋaanya Abayisirayiri abaawaŋŋangusibwa nti,
“Ndikuŋŋaanyaayo abantu abalala
ng’oggyeko abantu bange aba Isirayiri be nkuŋŋaanyizza.”

### *Katonda Alumiriza Abakulembeze ba Isirayiri Ebibi byabwe*

9 MUKAMA agamba amawanga amalala okujja
ng’ensolo ez’omu nsiko, galye abantu be.
10 Kubanga abakulembeze ba Isirayiri bazibe ba maaso,
bonna tebalina magezi,
bonna mbwa
ezitasobola kuboggola,
zibeera mu kuloota nakugalaamirira
ezaagala okwebaka obwebasi.
11 Embwa ezirina omululu omuyitirivu
ezitakkuta.
Basumba abatayinza kutegeera,
bonna abakyamye mu makubo gaabwe;
buli muntu ng’afa ku kwenoonyeza ky’anaalya.
12 Bagambagana nti,
“Mujje, leka tukime omwenge tunywe tutamiire.
N’olw’enkya lunaku ng’olwa leero,
oba n’okusingawo.”

## 57

1 Abantu abatuukirivu bazikirira,
naye tewali akirowoozako n’akatono.
Abantu abeewaddeyo eri Katonda
batwalibwa nga tewali n’afuddeyo kukirowoozaako.

Kubanga omutuukirivu aggyibwawo
olw'akabi akagenda okujja.
2 Ayingira mu mirembe
n'afuna okuwummulira mu kufa kwe,
ne bawummula ga beebase, abo abatambulira mu bugolokofu.

3 "Naye mmwe mujje musembere wano batabani b'omukazi omufumu
ezzadde ly'omwenzi omukazi eyeetunda.
4 Muzannyira ku ani?
Ani gwe mukongoola
ne mumusoomooza?
Temuli baana ba bujeemu,
ezzadde eryobulimba?
5 Mwaka ne mwegombera wansi w'emiti
na buli wansi wa buli muti oguyimiridde;
mmwe abasaddaaka abaana bammwe mu biwonvu
ne wansi w'enjatika z'enjazi.
6 Bakatonda bo ge mayinja amaweweevu* gosinziza mu biwonvu,
abo be babo, obusika bwo;
abo b'ofukira ekiweebwayo ekyokunywa
era n'ebiweebwayo eby'empeke.
Nga weemalidde mu kukola bino byonna, olowooza nnyinza okusanyuka?
7 Mwambuka ku ntikko z'ensozi okwenda
nga mugenze okuwaayo ssaddaaka.
8 Emabega w'enzigi zammwe
we muteeka ebibumbe eby'obuwemu bye musinza.
Mwandeka ne mukola eby'obuwemu
mu bitanda byammwe ebigazi.
Eyo gye mweyambulira ne mukola endagaano
n'abo be mwagala be muleeta mu bitanda byammwe.
9 Ne weekuba kalifuuwa omuyitirivu
ng'ogenda okutwala amafuta ag'omuzeeyituuni ewa Moleki katonda wo,
n'otuma ababaka bo ewala ennyo banoonye bakatonda,
kumpi batuuke n'emagombe.
10 Amakubo go gonna gakuteganya ne gakukooya nnyo
naye teweegamba nako nti,
'Nteganira ki atalina kyeŋŋanyurwa?'
Singa tewanoonya bikuzaamu maanyi, wandizirise.

11 "B'ani abo be watya n'otekemuka n'obawuliriza,
n'olyoka olimba,
nze n'otonzijukira n'akatono
wadde okundowoozaako?
Olw'okubanga nsirise n'esikunyega
ky'ekikuyinudde n'onneerabira n'ompisaamu amaaso.
12 Nnaayolesa obutuukirivu bwo ne by'okola,
naye tebigenda kukugasa.
13 Bw'okaabanga nga weetaaga obuyambi,
leka bakatonda bo be wakuŋŋaanya bakununule;

* 57:6 Amayinja amaweweevu gaakozesebwanga mu kusinza balubaale

naye empewo eribatwala,
omukka obukka abantu gwe bassa gulibaggirawo ddala bonna.
Naye oyo anfuula ekiddukiro kye
alirya ensi
era alitwala olusozi lwange olutukuvu."

### *Ekisa eri Abeenenya*

14 Era kiryogerwa nti,
"Muzimbe, muzimbe, mulongoose ekkubo!
Muggyeewo enkonge zonna mu kkubo ly'abantu bange."
15 Kubanga bw'atyo bw'ayogera oyo ali waggulu
omugulumivu omulamu emirembe n'emirembe,
ow'erinnya ettukuvu nti,
"Ntuula mu kifo ekigulumivu ekitukuvu
awamu n'oyo alina omwoyo oguboneredde ogwetoowaza,
okuzzaamu amaanyi
omwoyo gw'abakkakkamu,
era n'ogw'abo ababoneredde.
16 Kubanga sirirumiriza bantu bange emirembe n'emirembe
era siribasunguwalira bbanga lyonna.
Kubanga omutima gw'omuntu gwandigwereddewo mu maaso gange nga ndaba,
emmeeme y'omuntu nze gye nakola.
17 Olw'okwegomba kwe okw'obutali butuukirivu nnali nzijjudde obusungu.
Namubonereza ne nkweka amaaso gange olw'obusungu obungi
naye yeeyongera okugenda mu maaso mu makubo amabi.
18 Nalaba by'akola, naye ndimuwonya.
Ndimuluŋŋamya ne muddiza emirembe era ne mbeesabeesa abo abakungubaga.
19 Mirembe, era mirembe,
eri abo abali ewala n'eri abo abali okumpi,
era ndibawonya," bw'ayogera Mukama.
20 Naye ababi bali ng'ennyanja esiikuuse,
eteyinza kutereera,
ey'amayengo agasiikuula ebitosi n'ebitaka.
21 "Tewali mirembe, eri aboonoonyi," bw'ayogera Katonda wange.

# 58

### *Okusiiba okw'Amazima*

1 Kyogere mu ddoboozi ery'omwanguka,
tokisirikira.
Yimusa eddoboozi lyo ng'ekkondeere,*
obuulire abantu bange okusobya kwabwe, n'ennyumba ya Yakobo ebibi byabwe.
2 Kubanga bannoonya buli lunaku
era beegomba okumanya amakubo gange,
nga bali ng'abantu abakola eby'obutuukirivu
so si abaaleka edda ebiragiro bya Katonda waabwe.
Bambuuza ensala ennuŋŋamu,
ne basanyukira Katonda okusembera gye bali.

---

* **58:1** Ekkondeere lyafuuyibwanga okukuŋŋaanya abaserikale beetegeke okulaga mu lutalo

3 Beebuuza nti, “Lwaki twasiiba, naye ggwe n’otokifaako?
Lwaki twetoowaza naye ggwe n’otokissaako mwoyo?”
Musooke mulabe,
ennaku ze musiiba
muba munoonya ssanyu lyammwe ku bwammwe,
musigala munyigiriza abakozi bammwe.
4 Njagala mulabe.
Kalungi ki akali mu kusiiba ng’ate mugenda kudda mu nnyombo,
n’okukaayana n’okukuba bannammwe agakonde.
Temuyinza kusiiba nga bwe mukola kaakano eddoboozi lyammwe ne liwulirwa mu ggulu.
5 Okusiiba kwe nalonda bwe kutyo bwe kufaanana?
Olunaku omuntu lw’eyetoowalizaako?
Kukutamya bukutamya mutwe,
kuguweta nga lumuli n’okugalamira mu bibukutu mu vvu?
Okwo kwe muyita okusiiba,
olunaku olusiimibwa MUKAMA?

6 Kuno kwe kusiiba kwe nalonda;
okusumulula enjegere ezinyigiriza abantu,
n’okuggyawo emiguwa gy’ekikoligo,
n’okuta abo abanyigirizibwa,
n’okumenya buli kikoligo?
7 Si kugabira bayala ku mmere yo,
n’okusembeza abaavu abatalina maka mu nnyumba yo;
bw’olaba ali obwereere, n’omwambaza
n’otekweka baŋŋanda zo abeetaaga obuyambi bwo?
8 Awo omusana gwo gulyoke guveeyo
gwake ng’emmambya esala, era okuwonyezebwa kwo kujje mangu;
obutuukirivu bwo bukukulembere,
era ekitiibwa kya Katonda kikuveeko emabega.
9 Olwo olikoowoola, MUKAMA n’akuddamu;
olikaaba naye n’akuddamu nti, Ndi wano.

“Bwe muliggyawo ekikoligo ekinyigiriza
n’okusonga ennwe, n’okwogera n’ejjoogo;
10 bw’olyewaayo okuyamba abayala
n’odduukirira abali mu buzibu,
olwo omusana gwo gulyaka n’ova mu kizikiza,
ekibadde ekiro kifuuke ettuntu.
11 Era MUKAMA anaakuluŋŋamyanga ennaku zonna,
n’akuwa ebintu ebirungi obulamu bwo bye bwetaaga,
amagumba go aligongeramu amaanyi;
era olibeera ng’ennimiro enfukirire obulungi,
era ng’oluzzi olw’amazzi agatakalira.
12 N’abantu bo balizimba ebifo eby’edda ebyazika
era baddemu okuzimba emisingi egy’edda.
Olyoke oyitibwe omuddaabiriza wa bbugwe eyamenyeka,
omuddaabiriza wa mayumba ag’okusulamu.

13 “Bw’oneekuumanga obutayonoona Ssabbiiti,
obutakola nga bw’oyagala ku lunaku lwange olutukuvu,
bw’onooluyitanga olw’essanyu

era olunaku lwa MUKAMA olw'ekitiibwa,
singa muluwa ekitiibwa ne mutakwata makubo gammwe
oba obutakola nga bwe mwagala oba okwogera ebigambo eby'okubalaata,
14 awo olifuna essanyu eriva eri MUKAMA
era olitambulira mu bifo by'ensi ebya waggulu
era ndikuwa obusika bwa kitaawo Yakobo"
Akamwa ka MUKAMA ke kakyogedde.

# 59

### *Ekibi, Okwatula Ebibi, n'Okusonyiyibwa*

1 Mulabe, omukono gwa MUKAMA teguyimpawadde n'okuyinza ne gutayinza kulokola,
era si muzibe wa matu nti tawulira.
2 Naye obutali butuukirivu bwammwe
bwe bubaawudde ku Katonda wammwe.
Ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso ge,
n'atawulira.
3 Kubanga emikono gyammwe gibunye omusaayi
n'engalo zammwe zibunye obutali butuukirivu,
emimwa gyammwe gyogedde eby'obulimba,
n'ennimi zammwe z'ogedde eby'ekko.
4 Tewali awaaba bya nsonga
so tewali awoza mu mazima;
Beesiga ensonga ezitaliimu, ne boogera eby'obulimba,
ne baleeta emitawaana ne bazaala obulabe.
5 Baalula amagi ag'essalambwa
ne balanga ewuzi za nnabbubi:
alya ku magi gaabwe afa
n'eryo eriba lyatise livaamu mbalasaasa.
6 Naye enkwe zaabwe ze bakola tezibayamba,
ziri ng'engoye enkole mu wuzi za nnabbubi!
Tebasobola kuzeebikka.
Emirimu gyabwe mirimu gya kwonoona, n'ebikolwa byabwe bulabe.
7 Ebigere byabwe byanguyirira bikole ebibi
era bapapirira bayiwe omusaayi ogutalina musango.
Ebirowoozo byabwe birowoozo bya bubi,
n'okuzika n'okuzikiriza bye biba buli we bagenda.
8 Ekkubo ery'emirembe tebalimanyi
wadde okukozesa obwenkanya mu makubo gaabwe.
Beekubidde amakubo,
tewali n'omu agayitamu afuna emirembe.

9 Amazima gatuli wala,
n'obutuukirivu tetubufunye.
Tunoonyezza omusana naye ekizikiza kitwesibyeko,
we tusuubira obutangaavu, tutambulidde mu bisiikirize byereere.
10 Tuwammantawammanta bbugwe ng'abazibe,
ne tukwatakwata ng'abatalina maaso;
twesittala mu ttuntu ng'ekiro mu abo abalina amaanyi
ne tuba ng'abafu.
11 Ffenna tuwuluguma ng'eddubu

ne tusinda nga bukaamukuukulu.
Tusuubira okuggyibwa mu kunyigirizibwa naye nga bwereere,
n'obulokozi butuliwala.
12 Kubanga ebisobyo byaffe bingi mu maaso go
era ebibi byaffe bitulumiriza,
kubanga ebisobyo byaffe biri naffe,
era tumanyi obutali butuukirivu bwaffe;
13 obujeemu n'enkwe eri Mukama
era n'okulekeraawo okugoberera Katonda waffe.
Okutegeka obwediimo n'okunyigiriza,
okwogera eby'obulimba n'emitima gyaffe bye girowoozezza.
14 Obwenkanya buddiridde
n'obutuukirivu ne bubeera wala.
Amazima geesitalidde mu luguudo, n'obwesimbu tebuyinza kuyingira.
15 Tewali w'oyinza kusanga mazima,
era oyo ava ku kibi asuulibwa.

Mukama yakiraba n'atasanyuka
kubanga tewaali bwenkanya.
16 N'alaba nga tewali muntu,
ne yennyamira nti tewali muntu ayinza kudduukirira.
Noolwekyo kwe kusalawo okukozesa omukono gwe ye kennyini
okuleeta obulokozi n'obutuukirivu bwe okuwangula.
17 Yayambala obutuukirivu bwe ng'eky'omu kifuba,
era n'enkuufiira ey'obulokozi ku mutwe gwe;
n'ateekako ebyambalo by'okuwoolera eggwanga
era n'ayambala obunyiikivu ng'omunagiro.
18 Ng'ebikolwa byabwe bwe biri
bwalisasula ekiruyi ku balabe be,
n'abamukyawa
alibawa empeera yaabwe,
n'abo abali ewala mu bizinga abasasule.
19 Noolwekyo balitya erinnya lya Mukama okuva ebugwanjuba,
n'ekitiibwa kye okuva ebuvanjuba,
kubanga alijja ng'omugga ogukulukuta n'amaanyi,
omukka gwa Mukama gwe gutwala.

20 "Era Omununuzi alijja mu Sayuuni,
eri abo abeenenya ebibi byabwe mu Yakobo,"
bw'ayogera Mukama.
21 "Era, eno y'endagaano yange gye nkola nabo," bw'ayogera Mukama.
"Omwoyo wange ali ku ggwe era n'ebigambo byange bye ntadde mu
kamwa ko, tebiivenga mu kamwa ko, oba mu kamwa k'abaana bo, wadde
mu kamwa k'abaana b'abaana bo, okuva kaakano okutuusa emirembe
n'emirembe," bw'ayogera Mukama.

# 60

*Ekitiibwa kya Sayuuni Ekijja*

1 "Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyase
era ekitiibwa kya Mukama kikwakirako.
2 Kubanga laba ensi eribikkibwa ekizikiza
era n'ekizikiza ekikutte ennyo kibikke abantu baamawanga gonna,

naye ggwe MUKAMA alikwakirako
era ekitiibwa kye kikulabikeko.
3 Amawanga galijja eri omusana gwo
ne bakabaka eri okumasamasa okunaakubangako ng'ojja.

4 "Yimusa amaaso go olabe;
abantu bo bonna bakuŋŋaana okujja gy'oli
batabani bo abava ewala ne bawala bo
abasituliddwa mu mikono.
5 Kino oli wakukirabako ojjule essanyu,
omutima gwo, gujjule okweyagala n'okujaguza.
Obugagga bw'amawanga bulyoke bukuleetebwe,
era n'ebirungi byonna eby'omu nnyanja birikweyuna.
6 Ebisibo by'eŋŋamira birijjula ensi yammwe,
eŋŋamira ento ez'e Midiyaani ne Efa.*
Era ne zonna ez'e Seba zirijja nga zeetisse zaabu n'obubaane
okulangirira ettendo lya Katonda.
7 N'ebisibo byonna eby'e Kedali birikukuŋŋanyizibwa,
endiga ennume ez'e Nebayoosi zirikuweereza.
Zirikkirizibwa ng'ekiweebwayo ku kyoto kyange
era ndyolesa ekitiibwa kyange mu yeekaalu yange.

8 "Bano baani abaseyeeya nga ebire,
ng'amayiba agadda mu bisu byago?
9 Ddala ddala ebizinga bitunuulidde nze;
ebidyeri by'e Talusiisi bye bikulembedde
bireete batabani bammwe okubaggya ewala
awamu ne zaabu yaabwe ne ffeeza,
olw'ekitiibwa kya MUKAMA Katonda wammwe,
Omutukuvu wa Isirayiri,
kubanga akufudde ow'ekitiibwa.

10 "Abaana b'abamawanga amalala balizimba bbugwe wo,
era bakabaka baabwe bakuweereze;
Olw'obusungu bwange, nakukuba,
naye mu kusaasira kwange ndikukwatirwa ekisa.
11 Emiryango gyo ginaabanga miggule bulijjo,
emisana n'ekiro tegiggalwenga,
abantu balyoke bakuleeterenga obugagga obw'amawanga gaabwe
nga bakulembeddwamu bakabaka baabwe.
12 Kubanga eggwanga oba obwakabaka ebitakuweereze byakuzikirira.
Ensi ezo zijja kuggweerawo ddala.

13 "Ekitiibwa kya Lebanooni kirikujjira,
emiti egy'ettendo egy'enfugo,
omuyovu ne namukago gireetebwe okutukuza ekifo eky'awatukuvu wange,
ekifo ebigere byange we biwummulira eky'ettendo.
14 Batabani baabo abaakunyigirizanga balijja okukuvuunamira;

* **60:6** Midiyaani lyali ggwanga lya balunzi ba nsolo abaatambulatambulanga mu bukiikaddyo bw'obugwanjuba bwa Yoludaani. Efa ye yali mutabani wa Midiyaani

era bonna abaakusekereranga balivuunamira ku bigere byo.
Balikuyita kibuga kya Katonda,
Sayuuni ey'Omutukuvu wa Katonda.

15 "Wadde nga wali olekeddwa awo ng'okyayibbwa,
nga tewali n'omu akuyitamu,
ndikufuula ow'ettendo,
essanyu ery'emirembe gyonna.
16 Olinywa amata ag'amawanga.
Ku mabeere ga bakungu kw'onooyonkanga,
era olimanyira ddala nti,
Nze, nze MUKAMA,
nze Mulokozi wo era Omununuzi wo,
ow'Amaanyi owa Yakobo.
17 Mu kifo ky'ekikomo ndireeta zaabu,
mu kifo ky'ekyuma ndireeta effeeza,
mu kifo ky'omuti ndireeta kikomo,
ne mu kifo ky'amayinja ndeete ekyuma.
Emirembe gye girifuuka omufuzi wo
n'obutuukirivu ne buba omukulembeze wo.
18 Okutabukatabuka tekuddeyo kuwulirwa mu nsi yo,
wadde okwonoona n'okuzikiriza munda mu nsalo zo.
Ebisenge byo olibiyita Bulokozi,
Era n'enzigi zo, Kutendereza.
19 Enjuba si yeenekumulisizanga emisana,
oba omwezi okukumulisizanga ekiro.
Kubanga MUKAMA y'anaabeeranga ekitangaala kyo eky'emirembe n'emirembe,
era Katonda wo y'anaabeeranga ekitiibwa kyo.
20 Enjuba yo terigwa nate,
n'omwezi gwo tegulibula;
MUKAMA y'anaabeeranga ekitangaala kyo eky'emirembe n'emirembe
era ennaku zo ez'okukungubanga zikome.
21 Abantu bo babeere batuukirivu,
ensi ebeere yaabwe emirembe n'emirembe.
Ekisimbe kye nnesimbira;
omulimu gw'emikono gyange,
olw'okulaga ekitiibwa kyange.
22 Asembayo okuba owa wansi alyala n'aba lukumi,
n'asembayo obutono afuuke eggwanga ery'amaanyi.
Nze MUKAMA,
ndikyanguya mu biseera byakyo."

# 61

*Amawulire Amalungi ag'Obulokozi*

1 Omwoyo wa MUKAMA Katonda ali ku nze,
kubanga MUKAMA anfuseeko amafuta okubuulira abaavu n'abali obubi ebigambo ebirungi,
antumye okuyimusa abalina emitima egimenyese.
Okulangirira eddembe eri abawambe,
n'abasibe bateebwe
bave mu makomera.

2 Okulangirira omwaka gwa MUKAMA
ogw'okulabiramu obulungi bwe;
olunaku lwa MUKAMA olw'okuwalanirako eggwanga
era n'okuzzaamu amaanyi abo bonna abakungubaga.
3 Okugabirira abo bonna abali mu Sayuuni abakungubaga,
okubawa engule ey'obubalagavu mu kifo ky'evvu,
n'amafuta ag'essanyu mu kifo ky'ennaku.
Ekyambalo ky'okutendereza
mu kifo ky'omwoyo w'okukeŋŋeentererwa
balyoke bayitibwe miti gy'abutuukirivu, ebisimbe bya MUKAMA,
balyoke baweebwe ekitiibwa.

4 Baliddamu
bazimbe ebyali bizise,
balirongoosa ebibuga
ebyali byerabirwa edda.
5 Abaamawanga balibalundira ebisibo byammwe,
abagwira babakolere mu nnimiro zammwe ne mu nnimiro z'emizabbibu.
6 Era muyitibwe bakabona ba MUKAMA,
abantu baliboogerako ng'abaweereza ba MUKAMA,
mulirya obugagga bw'amawanga,
era mu bugagga bwabwe mwe mulyenyumiririza.

7 Mu kifo ky'ensonyi,
abantu bange baliddizibwawo emirundi ebiri.
Mu kifo ky'okuswala
basanyuke olw'ebyo bye balifuna
era balifuna omugabo gwa mirundi ebiri,
essanyu lyabwe liribeerera emirembe gyonna.

8 "Kubanga nze, MUKAMA, njagala obwenkanya,
nkyawa okunyaga era n'obutali butuukirivu.
Mu bwesigwa bwange ndibasasula
era nkole nabo endagaano ey'emirembe n'emirembe.
9 N'ezzadde lyabwe liritutumuka nnyo mu mawanga
n'abaana baabwe eri abantu.
Abo bonna abalibalaba balibamanya,
nti bantu MUKAMA be yawa omukisa."

10 Nsanyukira nnyo mu MUKAMA,
emmeeme yange esanyukira mu Katonda wange.
Kubanga annyambazizza ebyambalo eby'obulokozi
era n'anteekako n'omunagiro ogw'obutuukirivu,
ng'omugole omusajja bw'ayambala engule nga kabona,
ng'omugole omukazi bw'ayambala amayinja ge ag'omuwendo.
11 Kuba nga ettaka bwe livaamu ebimera,
era ng'ennimiro bwereetera ensigo okumeruka,
bw'atyo MUKAMA Katonda bwalireeta obutuukirivu n'ettendo okumeruka,
ensi zonna zikirabe.

# 62

*Erinnya lya Sayuuni Eriggya*

1 Ku lwa Sayuuni ssiisirike,
era ku lwa Yerusaalemi ssiiwummule,
okutuusa nga obutuukirivu bwe butemagana ng’emmambya esala,
obulokozi bwe ng’ettaala eyaka.
2 Amawanga galiraba obutuukirivu bwo,
era ne bakabaka bonna baliraba ekitiibwa kyo.
Oliyitibwa erinnya epya
akamwa ka MUKAMA lye kalikuwa.
3 Olibeera ngule etemagana mu mikono gya MUKAMA,
enkuufiira y’obwakabaka mu mukono gwa Katonda wo.
4 Ataliddayo kuyitibwa nti, Eyalekebwa,
ensi yo teriddamu kuyitibwa nti, Yazika.
Naye oliyitibwa nti, Gwe nsanyukira,
n’ensi yo eyitibwe nti, Eyafumbirwa.
Kubanga MUKAMA akusanyukira
era ensi yo eribeera ng’omukazi afumbiddwa.
5 Kubanga ng’omuvubuka bwawasa omuwala omuto
bw’atyo eyakutonda bwalikulabirira.
Nga omugole omusajja bwasanyukira oyo gw’awasizza,
bw’atyo Katonda bwalikusanyukira.

6 Ntadde abakuumi ku bbugwe wo,
ggwe Yerusaalemi abataasirike emisana n’ekiro.
Mmwe abakoowoola MUKAMA
temuwummula.
7 Era temumuganya kuwummula okutuusa nga azimbye Yerusaalemi
era ng’agifudde ettendo mu nsi.

8 MUKAMA yalayira n’omukono gwe ogwa ddyo
era n’omukono gwe ogw’amaanyi:
“Siriddayo nate kuwaayo ŋŋaano yo kubeera mmere y’abalabe bo,
era bannaggwanga tebaddeyo kunywa nvinnyo yo gy’otawaanidde.
9 Naye abo abagikungula be baligirya
ne batendereza MUKAMA,
n’abo abanoga emizabbibu
be baliginywera mu mpya z’omu watukuvu wange.”

10 Muyiteemu, muyite mu miryango mugende!
Muzimbe oluguudo,
mulugyemu amayinja.
Muyimusize amawanga ebbendera.

11 Laba MUKAMA alangiridde
eyo yonna ensi gy’ekoma,
nti, “Gamba omuwala wa Sayuuni nti,
‘Laba omulokozi wo ajja,
Laba aleeta n’ebirabo bingi,
n’abantu b’anunudde bamukulembedde.’ ”
12 Era baliyitibwa Abantu Abatukuvu,
Abanunule ba MUKAMA,

ne Yerusaalemi kiyitibwe, Ekibuga MUKAMA ky'ayagala,
Ekibuga Ekitakyali ttayo.

# 63

### *Katonda lw'Aliwoolera Eggwanga n'Okununula Abantu be*

1 Ani ono ava mu Edomu mu kibuga Bozula
anekaanekanye mu ngoye emyufu.
Ani ono ali mu ngoye za bakabaka
akumba mu bukulu bw'ekitiibwa kye?

"Ye nze alangirira obutuukirivu,
ow'amaanyi okulokola."

2 Lwaki oyambadde ebyambalo ebimyufu
ng'eby'omusogozi w'omu ssogolero lya wayini?

3 "Nva kulinnyirira amawanga nga emizabbibu,
tewali n'omu yajja kunnyambako.
Nabalinnyiririra mu busungu
era omusaayi gwabwe
ne gusammukira ku ngoye zange,
era guyiise ku byambalo byange.
4 Kubanga olunaku olw'okununula abantu bange lwali lutuuse,
olunaku olw'okuwoolera eggwanga abalabe baabwe.
5 Natunula naye nga tewali n'omu ayinza kunnyamba,
newuunya okulaba nga tewaali n'omu ayinza kunkwatirako.
Kale omukono gwange ne gundeetera obuwanguzi,
era obusungu bwange ne bunnyweza.
6 Mu busungu bwange nalinnyirira abantu,
mu kiruyi kyange ne mbatamiiza,
omusaayi gwabwe ne nguyiwa ku ttaka."

7 Ndibuulira ku bulungi bwa MUKAMA,
ebikolwa ebyamugwanyisa okutenderezebwa,
okusinziira ku byonna MUKAMA by'atukoledde;
weewaawo ebirungi ebingi by'akoledde ennyumba ya Isirayiri,
okusinziira ku kisa kye,
okusinziira ku bungi bw'okwagala kwe okutajjulukuka.
8 Yagamba nti, "Ddala bantu bange,
abaana aboobulenzi abatannimbelimbe,"
era bw'atyo n'afuuka omulokozi waabwe.
9 Yabonaabonera wamu nabo mu kubonaabona kwabwe kwonna,
era malayika ayimirira mu maaso ge n'abawonya.
Mu kwagala kwe n'ekisa kye yabanunula;
yabayimusa
n'abeetikka mu nnaku zonna ez'edda.
10 Naye baajeema
ne banyiiza Mwoyo Mutukuvu,
kyeyava abakyukira n'afuuka omulabe waabwe
era ye kennyini n'abalwanyisa.

11 Ne balyoka bajjukira ennaku ez'edda,

ennaku ez'edda eza Musa n'abantu be;
aluwa oyo eyabayisa mu nnyanja n'omulunzi w'ekisibo kye.
Aluwa oyo eyateeka Mwoyo Mutukuvu wakati mu bo
12 eyatuma omukono gwe ogw'ekitiibwa
ogw'amaanyi okubeera ku mukono gwa Musa ogwa ddyo,
eyayawulamu amazzi nga balaba,
yeekolere erinnya ery'emirembe n'emirembe?
13 Ani eyabakulembera n'abayisa mu buziba?
Ng'embalaasi mu nsi eyeetadde enjereere tebeesittala.
14 Ng'ente ezigenda mu nsi eyeetadde,
Omwoyo wa MUKAMA yabawummuza.
Bw'otyo bwe wakulembera abantu bo
okwekolera erinnya ery'ettendo.
15 Tunula wansi ng'oli waggulu mu ggulu olabe,
ng'oli ku ntebe yo ey'ekitiibwa egulumidde entukuvu.
Obunyiikivu bwo n'ebikolwa byo eby'amaanyi biri ludda wa?
Obulungi bwo n'ekisa bitukwekeddwa.
16 Ggwe Kitaffe,
wadde nga Ibulayimu tatumanyi
era nga Isirayiri tatutegeera,
Ayi MUKAMA Katonda, ggwe Kitaffe Omununuzi waffe
okuva edda n'edda lye linnya lyo.
17 Ayi MUKAMA Katonda, lwaki otuleka ne tuva ku makubo go,
n'okakanyaza omutima gwaffe, ne tutakutya?
Komawo olw'obulungi bw'abaddu bo
amawanga g'omugabo gwo.
18 Abantu bo abatukuvu baali mu kifo kyo ekitukuvu akaseera katono,
naye kaakano abalabe baffe bakirinnyiridde.
19 Ffe tuli bantu bo okuva edda n'edda;
naye bo tobafuganga,
tebayitibwanga linnya lyo.

# 64

### *Okusingibwa Omusango mu Maaso ga MUKAMA*

1 Kale singa oyuzizza eggulu n'okka wansi,
ensozi ne zikankana mu maaso go!
2 Ng'omuliro bwe gukoleerera mu buku,
oba nga bwe gufumba amazzi ne gatuuka okwesera,
ka wansi omanyise erinnya lyo eri abalabe bo,
n'amawanga galyoke gakankanire mu maaso go!
3 Kubanga bwe wakola ebintu eby'entiisa bye twali tetusuubira,
wakka ensozi ne ziryoka zikankanira mu maaso go.
4 Okuva mu mirembe egy'edda teri yali awulidde
oba kutu kwali kutegedde,
oba liiso lyali lirabye Katonda yenna okuggyako ggwe,
alwanirira abo abamulindirira.
5 Ojja n'odduukirira abo abakola eby'obutuukirivu n'essanyu,
abo abajjukira amakubo go.
Naye bwe tweyongera okwonoona ne tugavaako, wakwatibwa obusungu.
Ebbanga ddene lye tumaze mu bibi byaffe,
ddala tulirokolebwa?
6 Ffenna twafuuka batali balongoofu

era obutuukirivu bwaffe buli nga nziina ezijjudde obukyafu*.
Ffenna tuwotookerera ne tukala ng'ekikoola,
era ebibi byaffe bitutwala nga mpewo.
7 Tewali n'omu akoowoola linnya lyo
oba eyewaliriza okukukwatako,
kubanga watwekweka tetukyalaba maaso go,
era n'otuwaayo ne tuzikirira olw'ebibi byaffe.

8 Ate ng'era, Ayi MUKAMA Katonda, ggwe Kitaffe.
Ffe tuli bbumba, ggwe mubumbi,
ffe ffenna tuli mulimu gwa mikono gyo.
9 Tosunguwala kisukkiridde nnyo, Ayi MUKAMA Katonda,
tojjukira bibi byaffe mirembe gyonna.
Weewaawo, tutunuulire, tusaba,
kubanga tuli bantu bo.
10 Ebibuga byo ebitukuvu bifuuse malungu ne Sayuuni kifuuse ddungu,
ne Yerusaalemi nakyo kifulukwa.
11 Yeekaalu yaffe entukuvu ey'ekitiibwa
bakitaffe gye bakutendererezangamu eyokebbwa omuliro,
era byonna eby'obugagga bye twakuumanga byazikirira.
12 Nga bino byonna biguddewo, MUKAMA, era toofeeyo?
Onoosirika busirisi n'otubonereza ekisukiridde?

# 65

*Omusango n'Obulokozi*

1 MUKAMA n'alyoka agamba nti,
"Nze nnali mwetegefu okweyoleka eri abo abaali tebannoonya.
Neeraga abo abaali tebannoonya.
Eri eggwanga eryali litakoowoola linnya lyange nneyoleka gye bali ng'aŋŋamba nti, 'Ndi wano, Ndi wano.'
2 Nagolola emikono gyange olunaku lwonna okutuusa obudde okuziba
eri abantu abeewagguzze,
abatambulira mu makubo amabi
abagoberera entegeka ezaabwe ku bwabwe;
3 abantu bulijjo
abansomooza mu maaso gange gennyini
nga bawaayo ebiweebwayo mu nnimiro
ne bookera n'ebiweebwayo ku byoto eby'amatoffaali;
4 abatuula mu malaalo
ne bamalako ekiro kyonna mu bifo ebyekusifu,
abalya ennyama y'embizzi,
era n'amaseffuliya gaabwe gajjudde ennyama etali nnongoofu.
5 Bagamba nti, 'Beera wala, tojja kumpi nange,
kubanga ndi mutuukirivu nnyo ggwe okunsaanira!'
Abantu bwe batyo mukka mu nnyindo zange,
omuliro ogwaka olunaku lwonna.

6 "Laba kiwandiikiddwa mu maaso gange.
Sijja kusirika naye nzija kusasula mu bujjuvu,

* **64:6** obukyafu wano kitegeeza abakyala nga bavudde mu nsonga yaabwe eya buli mwezi

nzija kubasasula bibatuukireko ddala;
7 olw’ebibi byammwe byonna era n’olw’ebibi bya bakitammwe,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.
“Kubanga baayokera ebiweebwayo byabwe ku lusozi
era ne bannyoomera ku busozi,
ndibalira mu mikono gyabwe empeera yennyini enzijuvu
ey’ebikolwa byabwe eby’edda.”
8 Bw’atyo bw’ayogera MUKAMA:
“Ng’omubisi bwe gusangibwa mu kirimba ky’emizabbibu
abantu ne bagamba nti, ‘Togwonoona,
gukyalimu akalungi,’
bwe ntyo bwe ndikibakolera olw’obulungi bw’abaweereza bange.
Sijja kubasaanyaawo bonna.
9 Ndiggya ezzadde okuva mu Yakobo
era ne mu Yuda abo abalitwala ensozi zange;
abantu bange abalonde balizigabana,
era eyo abaweereza bange gye balibeera.
10 Awo Saloni kiribeera ddundiro lya bisibo,
era n’ekiwonvu kya Akoli kifo kya nte we zigalamira
olw’abantu bange abannoonya.

11 “Naye mmwe abava ku MUKAMA
ne mwerabira olusozi lwange olutukuvu
ne muteekerateekera emmeeza katonda wammwe, Mukisa,
ne mujuliza katonda wammwe, Kusalawo, ebikopo eby’envinnyo,
12 ndibawaayo eri ekitala
era mwenna mukutaamirire musalibwe,
kubanga nabayita naye temwayitaba,
nayogera naye temwampuliriza.
Mwakola ebitasaana
era ne musalawo okukola ebitansanyusa.”
13 Noolwekyo kino MUKAMA Ayinzabyonna ky’agamba:
“Abaweereza bange bajja kulya,
naye mmwe mujja kulumwa enjala,
abaweereza bange bajja kunywa,
naye mmwe mulumwe ennyonta;
abaweereza bange bajja kujaguza,
naye mmwe mukwatibwe ensonyi.
14 Abaweereza bange bajja kuyimba
olw’essanyu erinaaba mu mitima gyabwe,
naye mmwe muli ba kukaaba olw’okulumwa okunaabeera mu mitima gyammwe
era mukaabe olw’okulumwa emyoyo.
15 Ekikolimo kiryoke kibagwire,
Nze MUKAMA Katonda ow’Eggye mbatte
amannya gammwe geerabirwe,
naye mpe amannya amaggya abo abaŋŋondera.
16 Kiryoke kibeere nti buli muntu ananoonya okufuna omukisa
anaagunoonya kuva eri Katonda Ow’amazima
buli anaalayiranga mu ggwanga
anaalayiranga Katonda ow’amazima.
Kubanga emitawaana egyayita gya kwerabirwa
gikwekebwe okuva mu maaso gange.

### *Eggulu Epya n’Ensi Empya*

17 “Laba nditonda eggulu eriggya
n’ensi empya.
Ebintu eby’edda tebijja kujjukirwa
wadde okulowoozebwako mu mutima.
18 Naye musanyukire ekyo kye ntonda
mujaguze emirembe n’emirembe,
kubanga nditonda Yerusaalemi okuba essanyu
n’abantu baamu okuba okujaguza.
19 Ndijaguza olwa Yerusaalemi
era nsanyukire abantu bange;
amaloboozi ag’okukaaba
tegaliddayo kuwulirwamu.

20 “Teriddayo kuba mu kyo mwana muwere
anaaberawo ennaku obunaku,
oba omusajja omukulu ataamalengayo myaka gye;
oyo alifiira ku myaka ekikumi
alitwalibwa ng’omuvubuka obuvubuka.
Oyo atalituusa kikumi
abalibwe ng’eyakolimirwa.
21 Balizimba ennyumba bazisulemu,
balisimba emizabbibu balye ebibala byagyo.
22 Tebalizimba nnyumba ate omulala agisulemu,
tebalisimba ate omulala abirye.
Kubanga emyaka gy’emiti nga bwe giba
bwe gityo bwe giribeera emyaka gy’abantu bange.
Abalonde bange balirwawo nga bawoomerwa
emirimu gy’emikono gyabwe.
23 Tebalikolera bwereere
oba okuzaala abaana ab’okugwa mu katyabaga,
kubanga balibeera abantu abaweebwa MUKAMA Katonda omukisa,
bo awamu n’ab’enda yaabwe.
24 Nga tebanakoowoola ndibaddamu,
nga bakyayogera bati mbaddemu.
25 Omusege n’omwana gw’endiga biriire wamu,
era empologoma erye omuddo ng’ennume,
era ettaka libeere emmere y’omusota.
Tewaliba kulumya
wadde kuzikiriza ku lusozi lwange olutukuvu,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.

## 66

1 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda,
“Eggulu y’entebe yange kwe nfugira
n’ensi ke katebe kwe mpummuliza ebigere byange,
nnyumba ki gye mulinzimbira?
Kifo ki kye mulimpa okuwummuliramu?
2 Ebintu bino byonna emikono gyange si gye gyagikola,
noolwekyo ebintu bino byonna byange?”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.

“Ono ye muntu gwe ntunulako;

oyo ow'eggonjebwa era omwetoowaze mu mwoyo,
oyo akankanira ekigambo kyange.
3 Naye asaddaaka ente aba ng'asse omuntu,
oyo awaayo omwana gw'endiga n'aba ng'amenye ensingo y'embwa,
n'oyo awaayo ekiweebwayo eky'empeke
aba ng'awaddeyo omusaayi gw'embizzi,
era oyo anyookeza obubaane bw'ekijjukizo
aba ng'asinza ekifaananyi ekikole n'emikono.
Abantu bakutte amakubo gaabwe,
era emmeeme zaabwe zisanyukira eby'emizizo byabwe.
4 Nange ndisalawo mbatuuseeko ekibambulira,
mbaleeteko kye batandyagadde kibatuukeko.
Kubanga bwe nayita,
teri n'omu yayanukula,
bwe nnaayogera
tebanfaako.
Bakola ebibi mu maaso gange
ne bagoberera ebitansanyusa."

5 Muwulirize ekigambo kya MUKAMA Katonda
mmwe abakankanira ekigambo kye.
"Baganda bammwe abatabaagala
era ababayigganya olw'erinnya lyange babasekerera nti,
'Leka MUKAMA alage obukulu bwe
abalokole tulabe bwe musanyuka!'
Naye bo be banaakwasibwa ensonyi.
6 Muwulirize.
Oluyoogaano oluva mu kibuga, muwulirize eddoboozi eriva mu yeekaalu.
Eddoboozi eryo lya MUKAMA Katonda ng'asasula abalabe be
nga bwe kibagwanira.

7 "Ekibuga kyange ekitukuvu
kiri ng'omukazi azaala
nga tannatuusa kulumwa,
obulumi nga tebunatuuka n'akubawo eddenzi.
8 Ani eyali awulidde ekintu bwe kityo?
Ani eyali alabye ekiri ng'ekyo?
Ensi eyinza okuzaalibwa mu lunaku lumu
oba eggwanga okutondebwawo mu kaseera obuseera?
Akaseera katono bwe kati,
Sayuuni anaaba yakalumwa ng'eggwanga litondebwa.
9 Nnyinza okutuusa abantu bange ku kuzaalibwa
ne batazaalibwa?" bw'ayogera MUKAMA Katonda.
"Ate olubuto ndusiba ntya
nga ndutuusizza ku kuzaala?" bw'ayogera MUKAMA Katonda wo.

10 "Mujagulize wamu ne Yerusaalemi
era mumusanyukireko mwenna abamwagala,
mujaganye nnyo
mmwe mwenna abamukaabira.
11 Kubanga muliyonka
munywe n'essanyu

mukkutire ddala
ku kitiibwa kye ekingi."
12 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Laba mbaleetera obugagga obutaliiko kkomo,
obugagga bw'amawanga bube gye muli ng'omugga ogwanjaala.
Muliyonkako, musitulibwe mu mbiriizi
era bababuusizebuusize ku mubiri gwe.
13 Ng'omwana bw'asanyusibwa nnyina,
bwe ntyo bwe ndikuzzaamu amaanyi
mu Yerusaalemi."

14 Kino bw'olikiraba omutima gwo gulisanyuka,
era kirikufuula w'amaanyi omulamu obulungi ng'omuddo ogukuze.
Olwo kiryoke kimanyibwe nti omukono gwa MUKAMA Katonda guyamba abaweereza be,
ate obusungu bwe ne bulagibwa abalabe be.
15 "Kubanga laba MUKAMA Katonda alijjira mu muliro,
era n'amagaali ge ag'embalaasi galiba ng'empewo ey'omuyaga.
Alijja n'obusungu bwe n'ekiruyi
era alibanenya n'ennimi ez'omuliro.
16 Omuliro n'ekitala
MUKAMA Katonda by'alibonerezesa abantu bonna,
n'abo abalisaanyizibwawo baliba bangi.
17 "Abo abeetukuza balyoke balage mu nnimiro entukuvu okukola
eby'emizizo, abatambulira mu nnyiriri nga bwe balya embizzi, omusonso
n'emmere ey'omuzizo, bonna balizikirira wamu," bw'ayogera MUKAMA
Katonda.
18 "Olw'ebyo bye bakola ne bye balowooza, nnaatera okujja nkuŋŋaanye
amawanga gonna n'ennimi zonna, era balijja balabe ekitiibwa kyange.
19 "Nditeeka akabonero mu bo. Ndiwonyaako abamu mbasindike mu
mawanga, e Talusiisi, e Puuli*, n'e Luudi, abaleega omutego, eri Tubali ne
Yavani,† mu bizinga eby'ewala, abatawuliranga ttutumu lyange, wadde
okulaba ekitiibwa kyange.
20 Balikomyawo baganda bammwe bonna okuva mu mawanga nga
ekirabo gye ndi. Balibaleetera ku mbalaasi, ne mu magaali ge mbalaasi
n'ebigaali ne ku nnyumbu n'eŋŋamira ku lusozi lwange olutukuvu nga
Isirayiri bwe baleeta ebiweebwayo ebirongoofu mu nnyumba ya MUKAMA
Katonda.
21 Era ndifuula abamu ku bo okubeera bakabona n'abaleevi,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
22 "Kubanga nga eggulu eppya n'ensi empya, bye ndikola bwe biribeer-
awo olw'amaanyi gange, bw'ayogera MUKAMA Katonda, bwe lityo ezzadde
lyammwe n'erinnya lyammwe bwe birisigala.
23 Okuva ku mwezi okutuuka ku mwezi, n'okuva ku ssabbiiti okutuuka
ku ssabbiiti, bonna abalina omubiri banajjanga okusinziza mu maaso
gange," bw'ayogera MUKAMA Katonda.
24 "Kale bwe baliba bafuluma, baliraba emirambo gy'abasajja aban-
neewaggulako; kubanga envunyu zaabwe tezirifa, so n'omuliro gwabwe
tegulizikizibwa; era baliba kyennyinnyalwa eri abantu bonna."

* **66:19** Puuli ne Puuti bye bimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya † **66:19** Yavani ye Buyonaani

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Yeremiya

1 Ebigambo ebyayogerwa Yeremiya, mutabani wa Kirukiya, ow'oku
bakabona abaali mu Anasosi mu nsi ya Benyamini.
2 MUKAMA Katonda yayogera naye mu mirembe gya Yosiya, kabaka wa
Yuda, mutabani wa Amoni, nga yakafugira emyaka kkumi n'esatu,
3 ne mu biro bya Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda,
okutuusa mu mwezi ogwokutaano, ogw'omwaka ogw'ekkumi n'ogumu
ogw'obufuzi bwa Zeddekiya mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, abantu
b'e Yerusaalemi lwe baatwalibwa mu buwaŋŋanguse.

### *Okuyitibwa kwa Yeremiya*

4 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, ng'agamba nti,
5 "Nakumanya bwe nnali sinnakubumba mu lubuto lwa maama wo;
nga tonnava mu lubuto n'akutukuza.
Nakulonda okubeera nnabbi eri amawanga."
6 Ne ndyoka ŋŋamba nti, "Laba nno, MUKAMA Katonda! Simanyi
kwogera mu bantu, ndi mwana muto."
7 Naye MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Toyogera nti, 'Ndi mwana
bwana;' kubanga yonna gye nnaakutumanga gy'onoogendanga, era
byonna bye nnaakulagiranga by'onooyogeranga.
8 Tobatyanga, kubanga nze ndi naawe okukuwonya," bw'ayogera
MUKAMA Katonda.
9 Awo MUKAMA Katonda n'agolola omukono gwe, n'akwata ku mimwa
gyange, n'aŋŋamba, nti, "Wuliriza. Nkuwa ebigambo by'onooyogeranga.
10 Leero nkutaddewo okuba n'obuyinza ku mawanga era ne ku bwak-
abaka. Okusimbula n'okumenya, okuzikiriza n'okuwamba; okuzimba
n'okusimba."
11 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ate ne kinzijira nga kigamba nti,
"Yeremiya kiki ekyo ky'olaba?"
Ne ŋŋamba nti, "Ndaba ettabi ly'omuti ogw'omulozi."
12 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Olabye bulungi, kubanga
neetegereza ndabe ng'ekigambo kyange kituukirira."
13 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijjira nate nti, "Kiki ky'olaba,
kaakano?"
Ne ŋŋamba nti, "Ndaba ensuwa ey'amazzi ageesera, ng'etunudde
waggulu mu bukiikakkono."
14 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Okuzikirira kujja kubaawo
nga kutandikira mu bukiikakkono kutuuke ku bantu bonna abali mu
ggwanga.
15 Kubanga laba nnaatera okuyita abantu bonna ab'omu bwakabaka
obuli mu bukiikakkono," bw'ayogera MUKAMA Katonda.
Bakabaka baabwe balyoke bajje bateeke entebe zaabwe ez'obwakabaka
mu miryango egiyingira ekibuga Yerusaalemi,
balizinda bbugwe waakyo yenna
era bazinde n'ebibuga byonna ebya Yuda.
16 Era ndibonereza abantu bange olw'ebibi byabwe byonna,
kubanga banvaako ne booteeza obubaane eri bakatonda abalala,
era ne basinza ebibajje bye beekolera

n'emikono gyabwe.
17 "Naye ggwe weetegeke! Yimirira obabuulire byonna bye nkulagira.
Tobatya kubanga bw'onoobatya nzija kubakutiisa.
18 Kubanga leero nze nkufudde ekibuga ekiriko enkomera ez'amaanyi,
era empagi ey'ekyuma, era bbugwe ow'ekikomo eri ensi yonna, eri
bakabaka ba Yuda, eri abakungu baayo, ne bakabona n'abantu ab'omu
nsi.
19 Balirwana naawe naye tebalikuwangula; kubanga nze ndi wamu
naawe okukununula," bw'ayogera MUKAMA Katonda.

## 2

*Isirayiri eva ku Katonda*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira nga kigamba nti,
2 "Genda olangirire nga Yerusaalemi ewulira nti:

"Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Nzijukira okwewaayo kwe weewaayo ng'okyali muto,
engeri gye wanjagalamu nga twakafumbiriganwa,
wangoberera mu ddungu
mu nsi etali nnime.
3 Isirayiri wali mutukuvu wa MUKAMA,
ebibala ebibereberye ebyamakungula ge;
bonna abaakulyangako nga bazzizza omusango,
akabi nga kabatuukako,' "
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

4 Muwulirize ekigambo kya MUKAMA mwe ezzadde lya Yakobo,
era n'ab'enju zonna ez'ebika eby'omu Isirayiri.
5 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
Kibi ki bakitammwe kye bansangamu ne banvaako
ne bagenda ewala ennyo bwe batyo?
Baagoberera ebifaananyi bya bakatonda abakole n'emikono ebitaliimu
nabo bennyini ne bafuuka ebitaliimu.
6 Ne batagamba nako nti; "Ali ludda wa MUKAMA eyatuggya mu nsi y'e Misiri;
eyatuyisa mu lukoola,
mu nsi ey'amalungu n'obunnya, mu nsi enkalu n'ekisiikirize eky'okufa,
mu nsi omutali muntu n'omu, so n'omuntu yenna mw'atayinza kuyita?"
7 Ne mbaleeta mu nsi engimu,
mulye ebibala byamu n'ebintu ebirungi.
Naye bwe mwajja ne mwonoona ensi yange,
ne mufuula omugabo gwange ekivume.
8 Bakabona ne batabuuzaako nti, "MUKAMA ali ludda wa?"
Abo abakola ku mateeka tebammanya.
Abakulembeze ne banjeemera.
Bannabbi nga baweereza ku lwa Baali, ne bagoberera ebitagasa.

9 "Kyenva nnyongera okubalumiriza,"
bw'ayogera MUKAMA,
"Era ndirumiriza n'abaana b'abaana bammwe.
10 Muwunguke ennyanja mugende ku bizinga bya Kittimu mulabe;

era mutume e Kedali, mwetegereze.
Mujja kulaba nga tekibangawo.
11 Waali wabaddewo eggwanga erikyusa bakatonda baalyo,
wadde nga si bakatonda, naye nga bitaliimu?
Naye abantu bange baawaanyisa ekitiibwa kyabwe
n'ebitagasa.
12 Wewuunye ggwe eggulu,
era okankane n'entiisa ey'amaanyi,"
bw'ayogera MUKAMA.
13 "Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri,
banvuddeko
nze ensulo ey'amazzi amalamu
ne beesimira ettanka ez'omu ttaka,
ettanka ez'omu ttaka ezirimu enjatika ezitanyweeramu mazzi."

### *Ebyava mu Kubula kwa Isirayiri*

14 "Isirayiri muddu, omuddu omuzaale?
Kale lwaki afuuse omuyiggo?
15 Bamuwulugumirako ng'empologoma bw'ewuluguma,
abalabe bawulugumye nnyo.
Ensi ye efuuse matongo,
ebibuga bye bigyiridde ddala omuliro birekeddwa ttayo, nga temukyali muntu n'omu.
16 Ate era abasajja b'e Noofu n'e Tapeneesi
bamaliddewo ddala ekitiibwa kyo.
17 Si ggwe weeretedde bino ng'ova ku MUKAMA Katonda wo,
eyakukulemberanga
akulage ekkubo?
18 Kaakano olowooza onooganyulwamu ki
okugenda okukolagana ne Misiri?
Olowooza kiki ky'onoganyulwa
bw'onogenda okukolagana ne Bwasuli?
19 Ebibi byo byennyini bye biri kubonereza,
n'okudda kwo emabega kwe kulikusalira omusango.
Kale lowooza era otegeere nga bwe kiri ekibi era eky'omutawaana gy'oli bw'ova ku MUKAMA Katonda wo,
n'oba nga tokyantya,"
bw'ayogera MUKAMA, Katonda ow'eggye.

### *Isirayiri Ebonerezebwa olw'Okusinza Bakatonda Abalala*

20 MUKAMA ow'eggye agamba nti,
"Isirayiri, ebbanga ddene eriyiseewo bukya weggya mu buyinza bwange,
n'ogamba nti, 'Sijja kukugondera.'
Era ddala, ku buli kasozi era na buli wansi w'omuti oguyimiridde
wakuba obwamalaaya
ng'ovuunamira bakatonda abalala.
21 Songa nnali nkusimbye ng'oli muzabbibu omulungi,
ensigo eteriimu kikyamu n'akatono,
naye ate lwaki oyonoonese
n'ofuuka ng'omuzabbibu ogw'omu nsiko?
22 Kubanga ne bw'onaaba n'oluvu n'okozesa ne sabbuuni omungi,
naye era ebbala lyo n'obutali butuukirivu bwo
bisigala bikyalabika,"

bw’ayogera MUKAMA Katonda.
23 Oyinza otya okugamba nti, “Sseeyonoonanga,
sigobereranga ba Baali?”
Jjukira bwe weeyisa ng’oli mu kiwonvu;
tegeera kye wakola.
Oli ng’eŋŋamira enkazi efuumuuka embiro
ngeraga eno n’eri,
24 ng’endogoyi ey’omu nsiko
eddukira mu ddungu mw’emanyidde,
ng’ewunyiriza mu bbanga eno n’eri mu kwaka kwayo,
mu kiseera ekyo ani ayinza okugiziyiza?
Ensajja zonna ezigyetaaga tezeetaaga kwekooya;
mu biseera by’okulabaganiramu za kugifuna.
25 Tokooya bigere byo,
era tokaza mimiro gyo.
Naye n’oddamu nti, “Ebyo bya bwereere,
sisobola kukyuka, nayagala bakatonda abalala,
nteekwa okubanoonya.”

26 Ng’omubbi bw’aswala ng’akwatiddwa,
n’ennyumba ya Isirayiri bw’eswala bw’etyo,
bakabaka baayo, n’abalangira baayo, ne bakabona baayo,
era ne bannabbi baayo,
27 nga bagamba emiti nti, “Ggwe kitange,”
era n’ejjinja nti, “Ggwe wanzaala.”
Bankubye amabega,
naye bwe balaba ennaku bankaabirira nti, “Yimuka ojje otulokole.”
28 Kale bakatonda be weekolera baluwa?
Leka bajje, bwe baba basobola okukulokola mu biseera eby’emitawaana.
Kubanga obungi bwa bakatonda bammwe
bwenkanankana n’ebibuga byo ggwe Yuda.

### *Okubonerezebwa Kutuuse*

29 “Lwaki munneemulugunyiza?
Mwenna mwanneeddiimira,”
bw’ayogera MUKAMA.
30 Abaana bammwe nababonereza naye nga bwerere,
tebakkiriza kugololwa.
Mmwe bennyini ne mwettira bannabbi bammwe
ng’empologoma bw’etta.
31 Mmwe ab’omulembe guno muwulirize ekigambo kya Katonda.
Mbadde nga ddungu gye muli
ng’ensi ejjudde ekizikiza eky’amaanyi?
Kale lwaki abantu bange bagamba nti,
“Tulina eddembe, tetukyadda gy’oli?”
32 Omuwala omuto ayinza okwerabira ebikomo,
oba omugole okwerabira ekyambalo kye?
Naye ng’ate abantu bange
Bannerabidde!
33 Ng’omanyi nnyo okukuba amakubo ag’okunoonya abanaakwagala!
N’asembayo okuba omukugu mu bamalaaya aba alina kuyigira ku ggwe.

34 Engoye zo zijjudde omusaayi gw'abaavu
n'abatalina musango,
awatali kugamba nti
bakwatibwa nga babba.
Ate nga wadde byonna biri bwe bityo
35 ogamba nti, "Sirina musango,
ddala takyanninako busungu!"
Laba, ŋŋenda kukusalira omusango
olw'okugamba nti, "Sirina kibi kye nkoze."
36 Lwaki ogenda ng'okyusakyusa
amakubo go!
Misiri ejja kukuswaza
nga Bwasuli bwe yakuswaza.
37 Era n'eyo olivaayo
ng'emikono ogyetisse ku mutwe,
kubanga MUKAMA agaanye abo be weesiga;
tagenda kukuyamba.

# 3

### *Yuda Omukazi Atali Mwesigwa*

1 "Omusajja bw'agoba mukazi we,
omukazi oyo n'agenda n'afuuka ow'omusajja omulala,
omusajja we alimukomyawo nate?
Ensi eba teyonoonekedde ddala nnyo?
Naye obadde nga malaaya, ng'olina abasajja bangi;
naye kaakano oyagala okukomawo gye ndi?"
bw'ayogera MUKAMA.
2 Yimusa amaaso go olabe ku ntikko y'obusozi.
Waliwo ekifo we bateebakira naawe?
Ku mabbali g'ekkubo we watulanga
n'olinda abasajja ng'oli nga Omuwalabu mu ddungu;
n'olyoka oyonoona ensi
n'obwenzi bwo n'ekibi kyo.
3 Noolwekyo enkuba kyevudde eziyizibwa,
n'enkuba eya ttoggo n'etetonnya.
Naye era otemya nga malaaya
tokwatibwa nsonyi.
4 Tewakaŋŋamba nti Kitange ggwe mukwano gwange
okuva mu buto bwange,
5 onoonyiigira ddala emirembe gyonna,
olisunguwala emirembe gyonna?
Bw'otyo bw'oyogera,
naye okoze ebibi byonna ebisoboka.

### *Isirayiri, Atali Mwesigwa*

6 Mu nnaku z'obufuzi bwa kabaka Yosiya MUKAMA yayogera nange
n'aŋŋamba nti, "Olabye Isirayiri etali neesigwa ky'ekoze? Agenze ku
buli kasozi na buli wansi w'omuti oguyimiridde ne yeeyisa ng'omukazi
omwenzi.
7 Nalowooza nti, Bw'alimala okukola bino byonna agenda kudda gye ndi
naye teyadda, era muganda we atali mwesigwa Yuda n'akiraba.

8 Yalaba nti bwe namala okugoba Isirayiri eyanvaako, ne muwa
n'ebbaluwa ey'okumugoba olw'obwenzi bwe. Naye ate ne ndaba mu-
ganda we atali mwesigwa Yuda nga taliimu kutya, naye n'agenda n'akola
obwenzi.
9 Awo obwenzi bwe bwatuuka ne bumwanguyira nnyo n'ayenda
n'asinza amayinja n'ebikonge.
10 Naye wadde nga byonna bimaze okubaawo, muganda we Yuda atali
mwesigwa, teyakomawo gye ndi na mutima gwe gwonna, naye yali
alimbalimba," bw'ayogera MUKAMA.
11 MUKAMA n'aŋŋamba nti, Isirayiri asudde obwesigwa, mutukuvu
okusinga Yuda atali mwesigwa.
12 Genda obuulire abantu b'omu bukiikakkono obubaka buno,
obagambe nti,
" 'Komawo ggwe Isirayiri,
eyanvaako,' bw'ayogera MUKAMA.
'Siribatunuuliza busungu kubanga ndi waakisa,' bw'ayogera MUKAMA;
'Sirisiba busungu ku mwoyo emirembe gyonna.
13 Mukkirize bukkiriza ekibi kyammwe,
mwajeemera MUKAMA Katonda wammwe,
mwasinza bakatonda abalala,
wansi wa buli muti oguyimiridde,
era ne mutaŋŋondera,' "
bw'ayogera MUKAMA.
14 "Mukomeewo mmwe abaana abanvaako," bw'ayogera MUKAMA;
"kubanga nze bbammwe, era ndibalondamu omu ku omu okuva mu buli
kibuga, babiri babiri okuva mu buli kika mbaleete ku lusozi Sayuuni.
15 Era ndibawa abasumba abakola ng'omutima gwange bwe gwagala,
abalibakulembera mu kumanya era ne mu kutegeera.
16 Ennaku bwe zirituuka nga mwaze era nga muli bangi nnyo mu
nsi," bw'ayogera MUKAMA, "abantu baliba tebakyayogera ku Ssanduuko
y'Endagaano. Baliba tebakyagirowooza nako, okugijjukira; oba okulumwa
emitima olw'obutaba nayo wadde okukola endala.
17 Ebbanga lyonna Yerusaalemi kiriyitibwa Entebe ya MUKAMA
ey'Obwakabaka, amawanga gonna mwe ganaakuŋŋaaniranga okumugu-
lumiza MUKAMA mu Yerusaalemi era tebaliddayo kugoberera mitima
gyabwe minyoomi.
18 Mu nnaku ezo ennyumba ya Yuda eryegatta ku nnyumba ya Isirayiri,
era bombi awamu baliva mu nsi ey'omu bukiikakkono ne bajja mu nsi
gye ndiwa bakitammwe okuba omugabo.
19 "Nze kennyini nalowooza
"nga nayagala okubayisanga nga batabani bange,
era mbawe ensi eyeegombebwa,
nga gwe mugabo ogusinga obulungi mu mawanga gonna.
Nalowooza nti mulimpita 'Kitammwe,'
ne mutanvaako ne mwongera okungoberera.
20 Naye ng'omukazi atali mwesigwa eri bba bw'abeera,
bwe mutyo bwe mutabadde beesigwa gye ndi, mmwe ennyumba ya
Isirayiri,"
bw'ayogera MUKAMA.

*Okuyitibwa Okwenenya*

21 Okukaaba kw'Abaana ba Isirayiri
kuwuliddwa ku ntikko z'ensozi ezitaliiko kantu,

nga bakaaba n’okwegayirira, kubanga baatambulira mu kukola ebibi,
ne beerabira MUKAMA Katonda waabwe.

22 “Mukomeewo mmwe abantu abatali beesigwa,
nnaabawonya ne mbafuula abeesigwa.”
Ne mugamba nti, “Weewaawo tujja kudda gy’oli,
kubanga ggwe MUKAMA Katonda waffe.
23 Ddala okusuubira obuyambi okuva mu nsozi gye twasinzizanga bakatonda abalala
temuli kantu.
Ddala mu MUKAMA Katonda waffe
mwe muli obulokozi bwa Isirayiri.
24 Naye okuva mu buto bwaffe
bakatonda abo abalala abatagasa balidde ne bamalawo ebibala
bakitaffe bye baamalirako amaanyi gaabwe, embuzi zaabwe, n’ente zaabwe,
batabani baabwe ne bawala baabwe.
25 Leka tugalamire, ng’ensonyi zitutta, n’obuswavu bwaffe butuyitiridde
kubanga twonoonye eri MUKAMA Katonda waffe, ffe ne bakadde baffe,
okuva mu buto bwaffe n’okutuusa ku lunaku luno;
kubanga tetugondedde ddoboozi lya MUKAMA Katonda waffe.”

# 4

1 “Bw’oba odda, ggwe Isirayiri,” bw’ayogera MUKAMA,
“eri nze gy’olina okudda.
Bw’oneggyako eby’omuzizo byonna
n’otosagaasagana,
2 era singa olayira mu mazima, mu bwenkanya
era mu ngeri entuufu yennyini nti, ‘Ddala nga MUKAMA bw’ali omulamu,’
olwo amawanga gonna mu ye mwe gajja okuweerwa omukisa
era mu ye mwe ganeenyumiririzanga.”
3 Kubanga bw’ati bw’ayogera MUKAMA eri abantu ba Yuda era n’eri abantu b’omu Yerusaalemi nti,
“Mulime ennimiro zammwe ezitali nnime,
temusiga mu maggwa.
4 Mukoowoole MUKAMA,
mweweeeyo mutukuze emitima gyammwe
mwe abantu ba Yuda ne Yerusaalemi,
obusungu bwange buleme okubuubuuka ng’omuliro, olw’ebikolwa byammwe ebibi,
ne wataba ayinza kubuzikiza.”

*Yuda Erumbibwa*

5 “Kirangirire mu Yuda
era okitegeeze mu Yerusaalemi ogambe nti,
‘Mufuuwe ekkondeere mu nsi yonna!
Mulangirire nga mugamba nti, Mukuŋŋaane,
tuddukire mu bibuga ebiriko ebigo!’
6 Weereza obubaka eri Sayuuni nti,
Mudduke temulwa,
kubanga ndireeta okuzikiriza okuva mu bukiikakkono,
okuzikiriza okw’amaanyi.”

7 Empologoma evudde mu kisaka kyayo,
omuzikiriza w'amawanga afulumye gy'abeera, azze okumalawo ensi yo.
Ebibuga byammwe bijja kuzikirizibwa
bibuleko abibeeramu.
8 Noolwekyo mwambale ebibukutu mukungubage,
mukube ebiwoobe
kubanga obusungu bwa MUKAMA obw'amaanyi tebutuvuddeeko.

9 MUKAMA n'agamba nti, "Ku lunaku olwo,
kabaka n'omukungu baliggwaamu omwoyo,
bakabona basamaalirire
ne bannabbi beewuunye."
10 Ne ndyoka ŋŋamba nti, "Woowe MUKAMA Katonda, mazima olim-
bidde ddala abantu bano ne Yerusaalemi ng'ogamba nti, 'Mulibeera
n'emirembe,' ate nga ekitala kiri ddala ku mimiro gyaffe."
11 Mu biseera ebyo abantu bano ne Yerusaalemi balibuulirwa nti,
"Embuyaga ezookya eziva ku nsozi ezaakala ez'omu ddungu zifuuwa
abantu bange nga teziwujja buwuzzi wadde okulongoosa obulongoosa
12 embuyaga ezisingako awo ze ziriva gye ndi. Era kaakano mbasalira
emisango."
13 Laba ajja ng'ebire,
amagaali ge ng'empewo y'akazimu,
embalaasi ze zidduka okusinga empungu;
zitusanze ffe kubanga tuzikiridde!
14 Ayi Yerusaalemi, naaza omutima gwo guve mu kukola ebibi olyoke olokolebwe.
Olikomya ddi ebirowoozo ebibi?
15 Eddoboozi lyawulirwa okuva mu Ddaani,
nga lirangirira okuzikirizibwa okuva mu nsozi za Efulayimu.
16 "Labula amawanga nti ajja:
kirangirirwe mu Yerusaalemi nti,
'Abalabe bajja okuva mu nsi ey'ewala nga bayimba ennyimba ez'entalo
nga balumba ebibuga bya Yuda.
17 Bakyetoolodde ng'abasajja abakuuma ennimiro
kubanga Yuda yanjeemera,' "
bw'ayogera MUKAMA.
18 "Empisa zammwe,
n'ebikolwa byammwe bye bibaleeseeko bino.
Kino kye kibonerezo kyammwe.
Nga kya bulumi!
Nga kifumita omutima."

19 Obulumi, Ayi Obulumi!
Neenyoolera mu bulumi!
Ayi obulumi bw'omutima gwange!
Omutima gunkubagana munda, sisobola kusirika,
kubanga mpulidde eddoboozi ly'ekkondeere,
mpulidde enduulu z'olutalo.
20 Okuzikirizibwa kweyongeddeko
era ensi yonna eyonooneddwa.
Eweema zange zisaanyiziddwawo mu kaseera buseera,

n'entimbe zange nga kutemya kikowe.
21 Ndituusa ddi nga ndaba bbendera z'olutalo
n'okuwulira amaloboozi g'amakondeere?

22 "Kubanga abantu bange basirusiru,
tebammanyi.
Baana abatalina magezi;
abatategeera.
Bakagezimunnyu mu kukola ebibi,
tebamanyi kukola birungi."
23 Natunuulira ensi,
nga njereere,
ate ne ntunula ne ku ggulu,
ng'ekitangaala kigenze.
24 Natunuulira agasozi
nga gajugumira,
n'ensozi zonna zaali ziyuuguuma.
25 Natunula, era laba, waali tewasigadde muntu n'omu,
era n'ebinyonyi byonna eby'omu bbanga byali bidduse.
26 Natunula, era laba, ensi ey'ebibala ebingi ng'efuuse ddungu,
era n'ebibuga byayo byonna nga byonoonese, mu maaso ga MUKAMA,
olw'obusungu bwe obungi.
27 Kubanga bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti,
"Ensi yonna eriyonoonebwa,
wadde nga sirigizikiririza ddala.
28 Noolwekyo ensi erikungubaga
era n'eggulu waggulu lirikwata ekizikiza,
kubanga njogedde
era maliridde sijja kwejjusa wadde okukyusaamu."

29 Olw'okuyoogona kw'abeebagazi b'embalaasi n'abalasa obusaale,
ebibuga byonna biribuna emiwabo,
abamu beesogge ebisaka;
n'abalala balinnye waggulu ku njazi.
Ebibuga byonna birekeddwa ttayo;
tewali abibeeramu.

30 Okola ki ggwe,
ggwe eyayonoonebwa?
Lwaki oyambala engoye entwakaavu,
ne weeteekako eby'obugagga ebya zaabu,
n'amaaso n'ogasiiga langi?
Omala biseera nga weeyonja.
Baganzi bo bakunyoomoola; era baagala kukutta.

31 Mpulira okukaaba ng'okw'omukazi alumwa okuzaala,
okusinda ng'okw'oyo asindika omwana we asooka,
okukaaba kw'omuwala wa Sayuuni ng'awejjawejja anoonya w'anassiza omukka,
ng'agolola emikono gye ng'agamba nti,
"Zinsanze nze, nzirika.
Obulamu bwange buweereddwayo mu batemu."

# 5

*Tewali n'Omu Mugolokofu*

1 "Dduka ogende eno n'eri mu nguudo za Yerusaalemi,
tunulatunula olabe,
noonya wonna we bakuŋŋaanira,
bw'onoosanga omuntu omu bw'ati
omwesimbu ow'amazima,
nnaasonyiwa ekibuga kino.
2 Ne bwe boogera nti, 'Nga MUKAMA bwali omulamu;'
baba balayirira bwereere."

3 Ayi MUKAMA Katonda, amaaso go teganoonya mazima?
Wababuka naye ne batawulira bulumi wababetenta,
naye ne bagaana okukangavvulwa.
Beeyongedde kukakanyala, bagubye obwenyi okusinga n'amayinja;
era bagaanyi okwenenya.
4 Ne njogera nti,
"Bano baavu abasirusiru.
Kubanga tebamanyi kkubo lya MUKAMA,
amateeka ga Katonda waabwe.
5 Kale ndigenda eri abakulembeze
njogere nabo;
Kubanga bamanyi ekkubo lya MUKAMA,
amateeka ga Katonda waabwe."
Naye nabo bwe batyo baali baamenya dda ekikoligo
nga baakutula ebisiba.
6 Noolwekyo empologoma eriva mu kibira n'ebalya,
n'omusege ogw'omu ddungu gulibasaanyaawo.
Engo erikuumira okumpi n'ebibuga byabwe,
buli muntu abifuluma ayuzibweyuzibwe;
Kubanga ebibi byabwe bingi,
okudda ennyuma kunene.

7 "Mbasonyiwe ntya?
Abaana bammwe banvuddeko,
ne balayiririra bakatonda abatali bakatonda.
Bwe nabaliisa ne bakkuta, badda mu kwenda,
ne beekuŋŋaanya ku nnyumba z'abenzi.
8 Baali ng'embalaasi ennume ezikkuse ezitaamye,
buli muntu ng'akaayanira muka munne.
9 Lwaki sibabonereza olw'ebintu ebyo?
bw'ayogera MUKAMA,
Lwaki siwoolera ggwanga ku nsi
efaanana bw'etyo?"

*Ekiragiro ky'Okulumba Yuda*

10 "Yita mu nnimiro z'emizabbibu gyabwe ogyonooneyonoone,
naye togimalirawo ddala.
Giggyeeko amatabi gaagyo,
kubanga si bantu ba MUKAMA.
11 Kubanga ennyumba ya Isirayiri n'ennyumba ya Yuda
zifuukidde ddala njeemu gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

12 Boogedde eby’obulimba ku MUKAMA ne bagamba nti,
“Talina kyajja kukola,
tewali kabi kanaatugwako,
era tetujja kulaba wadde kitala oba kyeya.
13 Bannabbi mpewo buwewo
era ekigambo tekibaliimu;
noolwekyo leka kye boogera kikolebwe ku bo.”
14 Noolwekyo bw’ati bw’ayogera MUKAMA, Katonda ow’Eggye nti,
“Kubanga abantu boogedde ebigambo bino,
ndifuula ekigambo kyange mu kamwa kammwe okuba ng’omuliro,
n’abantu bano okuba enku era omuliro gubookye.
15 Laba, mbaleetera eggwanga eriva ewala,
ggwe ennyumba ya Isirayiri,” bw’ayogera MUKAMA.
Ensi eyaguma ey’edda,
abantu ab’olulimi lwe mutamanyi
aboogera bye mutategeera
16 omufuko gwabwe ogw’obusaale guli ng’entaana eyasaamiridde,
bonna balwanyi nnamige.
17 Balirya amakungula gammwe n’emmere yammwe;
balirya batabani bammwe era ne bawala bammwe;
balye emizabbibu n’emitiini gyammwe,
ebibuga byammwe ebiriko bbugwe bye mwesiga birizikirizibwa n’ebitala.
18 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, “Naye ne mu nnaku ezo sigenda
kubazikiririza ddala kubamalawo.
19 Era abantu bammwe bwe bagamba nti, ‘Lwaki Katonda waffe
atukoze ebintu bino byonna?’ Onoobagamba nti, ‘Nga bwe mwanvaako
ne muweereza bakatonda abalala mu nsi yammwe, mujja kuweereza
bakatonda abagwira mu nsi eteri yammwe.’
20 “Langirira kino mu nnyumba ya Yakobo,
kirangirire mu Yuda.
21 Wulira kino, mmwe abantu abasirusiru abatalina kutegeera,
abalina amaaso naye nga tebalaba,
abalina amatu naye nga tebawulira.
22 Temuntya?” bw’ayogera MUKAMA;
“temunkankanira?
Nateeka omusenyu okuba ensalo y’ennyanja,
olukomera olutaliggwaawo, lwetasobola kuvvuunuka;
wadde ng’amayengo galukubaakuba, tegasobola kuluwaguza,
gayinza okuwuluguma, naye tegasobola kuluyitako.
23 Naye abantu bano balina omutima omwewagguze era omujeemu.
Bajeemye banvuddeko.
24 Abateekuba mu kifuba kugamba nti, ‘Tutye MUKAMA Katonda waffe agaba enkuba,
eya ddumbi n’eya ttoggo,
mu ntuuko zaayo;
atugerekera ssabbiiti ez’okukunguliramu.’ ”
25 Obutali butuukirivu bwammwe bubibakwese
ebibi byammwe bibaggyeeko ebirungi.

26 “Kubanga abasajja abakozi b’ebibi basangibwa mu bantu bange;
abagalamira ne balindirira ng’abasajja abatezi b’obunyonyi.
Batega abantu omutego.

27 Ng'ebisero ebijjudde ebinyonyi,
enju zaabwe bwe zijjudde eby'enkwe.
Noolwekyo bafuuse ab'amaanyi abagagga,
ne bagejja era ne banyirira.
28 Ekibi kyabwe tekiriiko kkomo, tebasala misango mu bwenkanya,
abatawolereza bataliiko ba kitaabwe okubayamba basinge emisango,
era abatafaayo ku ddembe lya bakateeyamba.
29 Lwaki sibabonereza olw'ebintu ebyo?"
bw'ayogera MUKAMA.
"Nneme okwesasuza ku ggwanga
eriri nga eryo?

30 "Ekigambo eky'ekitalo
era eky'ekivve kigudde mu nsi:
31 Bannabbi bawa obunnabbi obw'obulimba,
bakabona bafugisa buyinza bwabwe ate abantu bange bwe batyo bwe bakyagala.
Naye ku nkomerero
munaakola mutya?"

# 6

## *Abeesigwa Bagambibwa Okudduka*

1 Mwekuŋŋaanye mudduke mmwe abantu ba Benyamini!
Mmudduke muve mu Yerusaalemi.
Fuuwa ekkondeere mu Tekowa,
era yimusa ebbendera mu Besukakkeremu:
kubanga akacwano kasinzidde mu bukiikakkono,
okuzikirira okw'entiisa.
2 Ndizikiriza omuwala wa Sayuuni,
omulungi oyo omubalagavu.
3 Abasumba balimulumba n'ebisibo byabwe.
Balimwetoolooza weema zaabwe zimwolekere enjuuyi zonna,
buli omu yeezimbire w'ayagala.

4 "Mwetegeke mumulwanyise!
Muyimuke, tumulumbe mu ttuntu!
Naye, nedda, omusana gugenda guggwaayo,
n'ebisiikirize by'akawungeezi biwanvuye!
5 Tugende, tulumbe kiro
tuzikirize amayumba ge."
6 Bw'ati MUKAMA Katonda ow'Eggye bw'agamba nti,
"Muteme emiti mukole entuumo
muzingize Yerusaalemi.
Ekibuga kino kiteekwa okubonerezebwa kyonna,
kubanga kijjudde bujoozi bwerere.
7 Ng'oluzzi bwe lukulukusa amazzi, bwe kityo bwe kikulukusa ebibi byakyo,
entalo era n'okuzikirira biwulirwa munda waakyo.
Obulwadde n'ebiwundu
bye ndaba buli bbanga.
8 Nkulabula,
ggwe Yerusaalemi,

emmeeme yange ereme okwawukana naawe,
si kulwa ng'ofuuka amatongo."
9 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Balisusumbulira ddala n'abo abatono
abaliba basigaddewo mu Isirayiri.
Ddamu oyise omukono mu matabi
ng'omunozi we zabbibu bw'akola."

10 Ndyogera eri ani gwe ndirabula?
Ani alimpuliriza?
Amatu gaabwe gagaddwa
ne batasobola kuwulira.
Ekigambo kya MUKAMA kiri nga kyakusesa gye bali,
tebakisanyukira n'akamu.
11 Kyenva nzijula ekiruyi
sikyasobola kukizibiikiriza.

"Kiyiwe ku baana abali mu luguudo,
ne ku bavubuka abakuŋŋaanye;
abaami awamu n'abakazi n'abakadde
abo abawezezza emyaka emingi baliwambibwa.
12 Enju zaabwe
ziritwalibwa abalala,
n'ennimiro zaabwe awamu ne bakazi baabwe;
kubanga ndigolola omukono gwange ku abo abali mu nsi,"
bw'ayogera MUKAMA.
13 "Kubanga okuva ku asembayo wansi okutuusa ku asingayo waggulu,
buli omu alulunkanira kufuna.
Nnabbi ne kabona bonna
boogera eby'obulimba.
14 Ekiwundu ky'abantu bange
bakijjanjaba ng'ekitali ky'amaanyi.
Boogera nti, 'Mirembe, mirembe.'
So nga tewali mirembe.
15 Bakwatibwa ensonyi olw'ebikolwa byabwe eby'emizizo?
Nedda.
Tebakwatibwa nsonyi n'akatono.
Noolwekyo baligwira wamu n'abo abaligwa;
balisuulibwa wansi bwe ndibabonereza,"
bw'ayogera MUKAMA.
16 Kino MUKAMA ky'agamba nti,
"Yimirira mu masaŋŋanzira otunule.
Buuza amakubo ag'edda, buuza ekkubo eddungi gye liri,
era otambulire omwo,
emmeeme yammwe erifuna ekiwummulo.
Naye ne mugamba nti, 'Tetujja kulitambuliramu.'
17 Nabateerawo abakuumi babategeeze nti,
Muwulirize eddoboozi ly'ekkondeere,
naye ne mugamba nti, 'Tetujja kuwuliriza.'
18 Kale muwulire,
mmwe amawanga
era mulabe mmwe ab'ekkuŋŋaaniro ekyo ekiribatuukako.
19 Wuliriza, ggwe ensi:

laba, ndeeta akabi ku bantu bano,
by'ebibala by'enkwe zaabwe,
kubanga tebafuddeeyo ku bigambo byange
n'etteeka lyange baligaanye.
20 Omugavu oguva e Seeba bampa gwa ki?
Oba zino emmuli ezakaloosa eziva mu nsi ey'ewala?
Ebiweebwayo byammwe ebyokebwa sijja kubikkiriza,
n'essaddaaka zammwe tezinsanyusa."
21 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Laba nditeeka enkonge mu maaso g'abantu bano;
bakitaabwe ne batabani baabwe bonna bazesittaleko.
Muliraanwa we ne mukwano gwe balizikirira."
22 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, nti,
"Laba, eggye lijja
eriva mu nsi ey'omu bukiikakkono,
eggwanga ery'amaanyi
liyimusibwa okuva ku nkomerero z'ensi.
23 Bakutte omutego n'effumu,
abakambwe abatalina kusaasira.
Bawulikika ng'ennyanja ewuuma,
nga beebagadde embalaasi zaabwe:
bajja ng'abalwanyi mu byambalo by'olutalo
okulumba ggwe Muwala wa Sayuuni!"

24 Tuwulidde ettutumu lyabwe;
era emikono gyaffe giweddemu amaanyi
okulumwa okunene kutukutte
n'okulumwa ng'okw'omukazi alumwa okuzaala.
25 Togeza kugenda mu nnimiro
newaakubadde okutambulira mu kkubo;
kubanga omulabe abunye wonna wonna
n'entiisa ejjudde mu bantu.
26 Kale nno mmwe abantu,
mwambale ebibukutu era mwevulunge mu vvu;
mukungubage ng'abakaabira
omwana owoobulenzi omu yekka.
Kubanga oyo agenda okuzikiriza
ajja kutugwako mavumbavumba.

27 "Nkufudde ekigezesa
abantu bange n'ekyuma,
osobole okulaba n'okugezesa
amakubo gaabwe.
28 Bonna bakyewaggula
abakakanyavu abagenda bawaayiriza,
bikomo era kyuma,
bonna boonoonefu.
29 Emivubo bagifukuta n'amaanyi,
omuliro gumalawo essasi,
naye balongoosereza bwereere
kubanga ababi tebaggyibwamu.
30 Baliyitibwa masengere ga ffeeza,
kubanga MUKAMA abalese."

# 7

### *Yeremiya Abuulira mu Yeekaalu*

1 Kino kye kigambo ekyajjira Yeremiya okuva eri MUKAMA.
2 Yimirira ku mulyango gw'ennyumba ya MUKAMA otegeeze abantu
obubaka buno.

Muwuliriza ekigambo kya MUKAMA, mmwe mwenna abantu ba Yuda
abayita mu miryango gino okusinza MUKAMA.
3 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, "Mu-
longoose amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe, nange ndibalekera
ekifo kino ne mubeeramu.
4 Teweesiga bigambo bino ebibuzaabuza ne mwogera nti, 'Eno ye
yeekaalu ya MUKAMA, yeekaalu ya MUKAMA, yeekaalu ya MUKAMA!'
5 Kubanga bwe munaalongoosezanga ddala amakubo gammwe
n'ebikolwa byammwe; era bwe munaalaganga obwenkanya eri omuntu
ne munne,
6 ne mulekayo okunyigiriza omugwira, ne mulekwa, ne nnamwandu, ne
mulekayo n'okutta abataliiko musango mu kifo ekyo, era ne mutasinza
bakatonda abalala okwereetera emisango mmwe bennyini,
7 kale ndibatuuza mu kifo ekyo mu nsi gye nawa bajjajjammwe ebeere
yammwe emirembe n'emirembe.
8 Kale laba, mwesiga ebigambo ebitaliimu, ebitagasa.
9 "Munabba ne mutta, ne mukola obwenzi ne mulayira eby'obulimba,
ne mwoteza obubaane eri Baali, ne mutambula okugoberera bakatonda
abalala be mutamanyanga;
10 ne mulyoka mujja ne muyimirira mu maaso gange mu nnyumba eno,
eyitibwa Erinnya lyange, ne mugamba nti, 'Tuli bulungi, tuli bulungi,' ne
mulyoka mukola eby'emizizo byonna?
11 Mulowooza nti ennyumba eno eyitibwa ennyumba yange, mpuku
y'abanyazi? Laba, nze kennyini nkirabye," bw'ayogera MUKAMA.
12 "Mugende kaakano mu kifo kyange ekyali e Siiro ekifo gye nasooka
okuteeka essinzizo ly'erinnya lyange, mulabe kye nakikola olw'ekibi
ky'abantu bange Isirayiri.
13 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Bwe mwali mukola ebintu bino
byonna, nayogera nammwe emirundi mingi naye ne mutampulira;
nabakoowoola ne mutampitaba.
14 Noolwekyo, ekyo kye nakola e Siiro nzija kukikola kaakano ku
nnyumba eyitibwa Erinnya lyange, era gye mwesiga, era n'ebifo bye
nabawa mmwe ne bakitammwe.
15 Ndibagoba ne mu maaso gange, nga bwe nagoba baganda bammwe
bonna, ezzadde lya Efulayimu lyonna.
16 "Noolwekyo tosabira bantu abo wadde okubegayiririra
newaakubadde okubasabira oba okubawolereza, kubanga siikuwulire.
17 Tolaba bye bakola mu bibuga bya Yuda era ne mu nguudo za
Yerusaalemi?
18 Abaana balonda enku, bakitaabwe ne bakuma omuliro, olwo abakazi
ne bakanda eŋŋaano ne bakolera kabaka w'eggulu omukazi emigaati.
Bafuka ekiweebwayo ekyokunywa eri bakatonda abalala okunkwasa
obusungu.
19 Naye nze gwe balumya?" bw'ayogera MUKAMA. "Tebeerumya bokka,
ne beeswazaswaza?"

20 Noolwekyo bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti, "Laba obusungu bwange
n'ekiruyi kyange bijja kufukibwa ku kifo kino, ku bantu ne ku nsolo, ku
miti egy'omu ttale era ne ku bibala eby'omu ttaka; bujja kubuubuuka era
tebujja kukoma."

### *Okugaana Okuwulira Bannabbi*

21 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
Mugatte ebiweebwayo byammwe ebyokebwa ku ssaddaaka zammwe,
ennyama mugyeriire.
22 Kubanga ku lunaku lwe nabaggya mu Misiri saayogera eri bakita-
mmwe wadde okubalagira ebikwata ku biweebwayo ebyokebwa wadde
ssaddaaka.
23 Naye etteeka lino lye nabawa ligamba nti, 'Muŋŋondere, nange
nnaabeera Katonda wammwe, nammwe munaabeera bantu bange. Mu-
tambulire mu makubo gonna ge mbalagira, mulyoke mubeere bulungi.'
24 Naye tebampulira wadde okunzisaako omwoyo, wabula bagober-
era okuteesa kw'emitima gyabwe egijjudde ebibi. Badda emabega so
tebaalaga mu maaso.
25 Okuva mu biseera bajjajjammwe bye baaviiramu e Misiri oku-
tuusa kaakano, mbadde mpeereza abaddu bange bannabbi emirundi
n'emirundi.
26 Naye tebampuliriza wadde okunzisaako omwoyo, bakakanyaza en-
singo zaabwe era ne bakola ebibi ne basinga ne bajjajjaabwe.
27 "Kale ojja kubagamba bino byonna naye tebajja kukuwuliriza,
bw'onoobayita tebajja kukwanukula.
28 Noolwekyo bagambe nti, 'Lino ly'eggwanga eritagondera MUKAMA
Katonda waalyo oba okufaayo ku kugololwa. Amazima gabulawo, tegali
ku mimwa gyabwe.
29 Salako enviiri zo ggwe Yerusaalemi, ozisuule wala ddala okaabire ku
ntikko z'ensozi, kubanga MUKAMA alese abantu be era n'asuula ab'omu
mulembe guno mw'asunguwalidde ennyo.' "

### *Ekiwonvu eky'Okufiiramu*

30 "Abantu ba Yuda bakoze ekintu eky'ekivve mu maaso gange,
bw'ayogera MUKAMA. Batadde bakatonda abalala mu nnyumba yange
eyitibwa erinnya lyange ne bagyonoona.
31 Bazimbye ebifo ebigulumivu ebya Tofesi mu kiwonvu kya mutabani
wa Kinomu ne bassaddaakiramu batabani baabwe be bazaala n'abawala,
kye saalowoozaako wadde okukibalagira.
32 Laba, ennaku zijja," bw'atyo bw'ayogera MUKAMA, bwe kitariyitibwa
Kiwonvu kya Tofesi oba ekya Kinnomu ne kiyitibwa Kiwonvu kya
ttambiro: kubanga baliziiikamu Tofesi okutuusa we wataliba bbanga lya
kuziikamu.
33 Era emirambo gy'abantu bano gifuuke emmere y'ebinyonyi eby'omu
bbanga era n'ensolo ez'omu nsiko, era waleme kubaawo muntu
wakuzigoba;
34 olwo nga nkomezza amaloboozi ag'okusanyuka n'okujaguza,
n'eddoboozi ly'omusajja awasa n'ery'omugole we mu bibuga bya Yuda
ne mu nguudo za Yerusaalemi, olwo ensi ng'efuuse matongo.

## 8

1 "Mu kiseera ekyo, bw'ayogera MUKAMA, amagumba ga bakabaka ba
Yuda, n'amagumba g'abalangira, n'amagumba ga bakabona, n'amagumba

ga bannabbi, n'amagumba g'abatuuze b'omu Yerusaalemi galiggyibwa mu
ntaana zaago.
2 Kale galyanikibwa mu musana, eri omwezi n'emmunyeenye ez'omu
ggulu, ze baayagala era ne baaweereza era ze baagoberera ne beebuuza-
ako ne basinza. Tebalikuŋŋaanyizibwa wadde okuziikibwa naye balibeera
ng'ebisasiro wansi ku ttaka.
3 N'abantu b'ensi eno ennyonoonyi bw'etyo abalisigalawo, be ndiba
nsasaanyizza mu mawanga, balyegomba okufa okusinga okuba abalamu,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye.

### *Ekibi n'Okubonerezebwa*

4 "Bategeeze nti, Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Omuntu bw'agwa, tayimuka?
Oba omuntu bw'ava mu kkubo ettuufu, takyusa n'adda?
5 Kale lwaki abantu bange bano
banvaako ne bagendera ddala?
6 Nawuliriza n'obwegendereza
naye tebayogera mazima;
tewali muntu yenna yeenenya bibi byakoze n'okwebuuza nti,
'Kiki kino kye nkoze?'
Buli muntu akwata kkubo lye
ng'embalaasi efubutuka ng'etwalibwa mu lutalo.
7 Ebinyonyi ebibuukira mu bbanga
bimanyi ebiseera mwe bitambulira;
ne kaamukuukulu n'akataayi ne ssekanyolya
bimanyi ebiseera mwe bikomerawo,
naye abantu bange
tebamanyi biragiro bya MUKAMA."

8 Muyinza mutya okwogera nti,
"Tuli bagezi nnyo, n'amateeka ga MUKAMA tugalina,
ate nga ekkalaamu y'abawandiisi ey'obulimba
yeebikyusizza.
9 Abagezigezi baliswala ne bakeŋŋentererwa
era balitwalibwa.
Bagaanyi ekigambo kya MUKAMA,
magezi ki ge balina?
10 Noolwekyo bakazi baabwe
ndibagabira abasajja abalala
n'ennimiro zaabwe
zitwalibwe abantu abalala.
Bonna ba mululu okuva ku asembayo wansi okutuuka ku akomererayo
waggulu,
nnabbi ne kabona bonna balimba ne babba abantu.
11 Ebiwundu by'abantu bange babijjanjaba nga tebafaayo,
babikomya kungulu nga boogera nti,
Mirembe, Mirembe, ate nga teri mirembe.
12 Baakwatibwa ensonyi bwe baakola ebivve?
Nedda tebakwatibwa nsonyi wadde,
so tebamanyi wadde okulimbalimba.
Noolwekyo baligwira mu bagudde,
balikka lwe balibonerezebwa,"
bw'ayogera MUKAMA.

13 “Ndimalirawo ddala amakungula gaabwe,”
bw’ayogera MUKAMA.
Tewaliba zabbibu,
na mutiini,
n’ebikoola byabwe biriwotoka.
Bye mbawadde
biribaggyibwako.

14 Kiki ekitutuuzizza wano obutuuza?
Mukuŋŋaane.
Tuddukire mu bibuga ebiriko bbugwe
tuzikiririre eyo.
MUKAMA Katonda atuwaddeyo tuzikirire
era atuwadde amazzi agalimu obutwa tuganywe,
kubanga twonoonye mu maaso ge.
15 Twasuubira mirembe
naye tewali bulungi bwajja;
twasuubira ekiseera eky’okuwonyezebwa
naye waaliwo ntiisa.
16 Okukaaba kw’embalaasi z’omulabe kuwulirwa mu Ddaani;
ensi yonna yakankana olw’okukaaba kw’embalaasi.
Bajja okuzikiriza
ensi ne byonna ebigirimu,
ekibuga ne bonna abakibeeramu.

17 “Laba, ndikusindikira emisota egy’obusagwa,
amasalambwa g’otasobola kufuga,
emisota egyo girikuluma,”
bwayogera MUKAMA.

18 Nnina ennaku etewonyezeka,
omutima gwange gwennyise.
19 Wuliriza okukaaba kw’abantu bange
okuva mu nsi ey’ewala.
“MUKAMA taliimu mu Sayuuni?
Kabaka we takyalimu?”

“Lwaki bansunguwaza n’ebifaananyi byabwe,
bakatonda abalala abatagasa?”

20 “Amakungula gayise,
n’ekyeya kiyise,
tetulokolebbwa.”

21 Nnumiziddwa olw’okulumizibwa kwa muwala wange.
Nkaaba ne nzijula ennaku.
22 Teri ddagala mu Gireyaadi?
Teriiyo musawo?
Lwaki ekiwundu ky’abantu bange
tekiwonyezebwa?

# 9

1 Woowe, singa omutwe gwange gubadde mugga

n'amaaso gange luzzi lwa maziga,
nnandikaabye emisana n'ekiro
olw'abantu bange be batta!
2 Woowe singa mbadde n'ekisulo
ky'abatambuze mu ddungu,
nnandivudde ku bantu bange
ne mbaleka
kubanga bonna benzi,
bibiina by'abasajja ab'enkwe.

3 "Bategeka olulimi lwabwe
ng'omutego ogunasula obulimba;
bakulaakulanye mu ggwanga
naye nga tebayimiridde ku mazima,
kubanga bakola ekibi kino ate ne bongera ekirala;
era tebammanyi,"
bw'ayogera MUKAMA.
4 "Mwegendereze mikwano gyammwe
era temwesiganga baganda bammwe:
kubanga buli wa luganda mulimba
na buli wamukwano agenda awaayiriza buwaayiriza.
5 Buli muntu alimba muliraanwa we
era tewali n'omu ayogera mazima.
Bayigirizza ennimi zaabwe okulimba
ne beemalamu amaanyi nga bakola ebitali bya butuukirivu.
6 Mubeera wakati mu bulimba;
mu bulimba bwabwe bagaana okummanya,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
7 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Laba, ndibalongoosa ne mbagezesa,
kiki ate kye nnaakolera abantu bange
kubanga boonoonye?
8 Olulimi lwabwe kasaale akatta,
lwogera bya bulimba,
buli muntu ayogeza mirembe n'akamwa ke,
naye mu mutima gwe ategeka kumutega.
9 Nneme okubabonereza olw'ebintu bino?"
bw'ayogera MUKAMA.
"Seesasuze ku ggwanga
eriri nga lino?"

10 Ndikaaba ne nkungubagira ensozi
era ne nkungubagira amalundiro ag'omu ddungu.
Galekeddwa awo era tegayitwamu,
n'okukaaba kw'ente tekuwulirwa.
Ebinyonyi eby'omu bbanga tebikyawulirwa
n'ensolo ez'omu nsiko zidduse.

11 "Ndifuula Yerusaalemi entuumu y'ebifunfugu,
ekisulo ky'ebibe.
Era ndyonoona ebibuga bya Yuda
waleme kubaawo muntu yenna abeeramu."

12 Mugezigezi ki anaayinza okutegeera kino? Ani oyo MUKAMA
gw'abuulidde alyoke akinnyonnyole? Lwaki ensi eyonoonese ng'eddungu
ne wataba agiyitamu?
13 MUKAMA n'agamba nti, "Kubanga balese amateeka gange, ge naba-
teekerawo. Tebaŋŋondedde wadde okugoberera amateeka gange.
14 Naye, bagoberedde obukakanyavu bw'emitima gyabwe ne basinza
ebifaananyi bya Babaali nga bajjajjaabwe bwe baabayigiriza."
15 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isir-
ayiri nti, "Laba ndiriisa abantu bano emmere ekaawa ne mbanyweesa
n'amazzi ag'obutwa.
16 Ndibasaasaanya mu mawanga bakitaabwe ge bataamanya; era
ndibasindiikiriza n'ekitala, okutuusa nga mbazikirizza."
17 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Mulowooze kaakano, muyite abakazi abakungubazi, bajje;
era mutumye abasingayo obumanyirivu.
18 Leka bajje mangu
batukaabireko
okutuusa amaaso gaffe lwe ganaakulukuta amaziga,
n'obukoowekoowe bwaffe ne butiiriika amazzi.
19 Kubanga amaloboozi ag'okukungubaga gawuliddwa mu Sayuuni;
'Nga tunyagiddwa!
Nga tuswadde nnyo!
Tuteekwa okuva mu nsi yaffe
kubanga amayumba gaffe gazikiriziddwa.' "

20 Kaakano mmwe abakazi, muwulirize ekigambo kya Katonda,
era mutege okutu kwammwe kuwulire ekigambo ky'akamwa ke.
Muyigirize bawala bammwe okukaaba,
era buli muntu ayigirize munne okukungubaga.
21 Kubanga okufa kutuyingiridde mu madirisa,
kuyingidde mu mbiri zaffe,
okugoba abaana okubaggya ku nguudo,
n'abavubuka okubaggya mu bifo ebisanyukirwamu.
22 "Yogera," bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti,
" 'Emirambo gy'abasajja abafudde
gijja kugwa ng'obusa ku ttale
ng'ebinywa by'eŋŋaano ensale bwe bigwa
emabega w'omukunguzi nga tebiriiko alonda.' "
23 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Omusajja omugezi aleme kwenyumiririza mu magezi ge,
oba omusajja ow'amaanyi okwenyumiririza mu maanyi ge
oba omugagga mu bugagga bwe.
24 Naye leka oyo eyeenyumiriza yeenyumirizenga mu kino:
nti antegeera era ammanyi,
nti nze MUKAMA akola ebyekisa
n'eby'ensonga n'eby'obutuukirivu mu nsi,
kubanga mu byo mwe nsanyukira,"
bw'ayogera MUKAMA.
25 "Ennaku zijja," bw'ayogera MUKAMA, "lwe ndibonereza abo bonna
abakomole obukomozi mu mubiri:
26 Misiri, ne Yuda, ne Edomu, n'abaana ba Amoni, ne Mowaabu,
era n'abo bonna ababeera mu ddungu mu bifo eby'ewala. Kubanga

amawanga gano gonna ddala si makomole, ate era n'ennyumba ya Isirayiri yonna si nkomole mu mutima."

# 10

*Katonda ne Bakatonda Abalala*

1 Muwulire ekigambo Katonda ky'abagamba, mmwe ennyumba ya
Isirayiri.
2 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Temugobereranga makubo g'amawanga
oba okweraliikirira obubonero obw'oku ku ggulu,
kubanga amawanga ge byeraliikirira.
3 Kubanga empisa ez'amawanga tezigasa;
batema omuti mu kibira,
omubazzi n'aguyooyoota n'ebyuma bye.
4 Bagunyiriza ne ffeeza ne zaabu,
bagukomerera n'enninga n'ennyondo
guleme okunyeenyanyeenya.
5 Bakatonda bafaanana nga ssemufu
mu nnimiro y'ebibala,
era tebasobola kwogera
kubanga basitulwa busitulwa tebasobola kutambula.
Tobatya,
tebayinza kukukola kabi konna,
wadde okukola akalungi n'akamu."

6 Tewali ali nga ggwe, Ayi MUKAMA Katonda.
Oli mukulu,
era erinnya lyo ly'amaanyi nnyo.
7 Ani ataakutye,
Ayi Kabaka w'amawanga?
Kubanga kino kye kikugwanira.
Kubanga mu bagezigezi bonna bannaggwanga
ne mu bwakabaka bwabwe bwonna
tewali ali nga ggwe.
8 Bonna tebalina magezi basirusiru,
abo abayigira ku bakatonda ababajje mu miti.
9 Ffeeza eyaweesebwa ey'empewere eggyibwa e Talusiisi,
ne zaabu eva e Yufazi,
ffundi n'omuweesi wa zaabu bye bakoze
byambazibwa engoye eza kaniki ne z'effulungu.
Gino gyonna mirimu gy'abasajja abakalabakalaba.
10 Naye MUKAMA ye Katonda ddala, ye Katonda omulamu,
era Kabaka ow'emirembe gyonna.
Bw'asunguwala, ensi ekankana,
amawanga tegasobola kugumira busungu bwe.

*Katonda Omulamu ne Bakatonda Abataliimu*

11 "Bw'oti bw'oba obagamba nti, 'Bakatonda abataakola ggulu na nsi ba
kuzikirira bave ku nsi ne wansi w'eggulu.' "
12 MUKAMA yakola ensi n'amaanyi ge,
n'atonda ebitonde byonna n'amagezi ge,
era okutegeera kwe, kwe kwayanjuluza eggulu.

13 Bw'afulumya eddoboozi lye, amazzi agali mu bire gawuluguma,
asobozesa ebire okusituka nga biva ku nkomerero y'ensi.
Amyansisa eggulu mu nkuba,
era n'aggya empewo mu mawanika ge.

14 Buli muntu talina magezi era taliimu kutegeera;
buli muweesi wa zaabu aswala olw'ekifaananyi ky'akoze.
Kubanga ebifaananyi bye ebisaanuuse bulimba,
era tebiriimu bulamu.
15 Tebiriiko kye bigasa, ebisaanye okunyoomebwa
ebirizikirizibwa nga MUKAMA azze okusala omusango.
16 Oyo Katonda Omugabo gwa Yakobo tali ng'ebyo,
ye Mutonzi w'ebintu byonna,
era owa Isirayiri, eggwanga ery'omugabo gwe,
MUKAMA Katonda ow'Eggye lye linnya lye.

### *Okuzikirira Okujja*

17 Mukuŋŋaanye ebyammwe muve mu nsi,
mmwe abazingiziddwa.
18 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Laba nfuumuula abantu
mbaggye mu nsi eno,
era ndibaleetako ennaku
balyoke bawambibwe."

19 Zinsanze nze olw'ekiwundu kyange
ekinnuma ennyo.
Naye ate ne ŋŋamba nti,
"Eno ndwadde yange, nteekwa okugigumira."
20 Eweema yange eyonooneddwa,
era emiguwa gyonna gikutuse, abaana bange bandese, tewakyali.
Tewali n'omu asigaddewo kaakano
kuzimba weema yange
wadde okuzimba ekigango kyange.
21 Kubanga abasumba bafuuse ng'ensolo
tebakyebuuza ku MUKAMA.
Noolwekyo tebakulaakulana
era endiga zaabwe zonna zisaasaanye.
22 Wuliriza!
Amawulire gatuuse,
waliwo akeegugungo ak'amaanyi okuva mu nsi ey'omu bukiikakkono,
kajja kufuula ebibuga bya Yuda amatongo, ebisulo by'ebibe.

### *Okusaba kwa Yeremiya*

23 Mmanyi Ayi MUKAMA Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe,
omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge.
24 Nnuŋŋamya, MUKAMA Katonda naye mu kigera ekisaanidde,
si mu busungu bwo,
si kulwa ng'onfuula ekitaliimu.
25 Yiwa obusungu bwo ku mawanga agatakumanyi,
agatakutwala ng'ekikulu,
ku bantu abatakoowoola linnya lyo.
Kubanga bamazeewo Yakobo,

bamuliiridde ddala
era ne boonoona ensi ye.

# 11

*Yuda Amenye Endagaano*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA ekyajjira Yeremiya.
2 Wuliriza ebigambo by'endagaano eno era yogera n'abantu ba Yuda era
n'abo ababeera mu Yerusaalemi.
3 Bagambe nti, "Bw'ati MUKAMA Katonda wa Isirayiri bw'ayogera nti,
'Akolimiddwa omuntu atagondera bigambo by'endagaano eno
4 bye nalagira bakitammwe bwe nabaggya mu nsi y'e Misiri, okuva
mu kikoomi ky'omuliro.' Nabagamba nti, 'Muŋŋondere era mukole
ebintu byonna nga bwe mbalagira, munaabeeranga bantu bange, nange
nnaabeeranga Katonda wammwe,
5 ndyoke ntuukirize ekirayiro kye nalayirira bajjajjammwe, okubawa
ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, ensi gye mulimu leero.' " Awo
ne nziramu nti, "Kibeere bwe kityo MUKAMA."
6 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Langirira ebigambo bino byonna mu
bibuga bya Yuda ne mu nguudo za Yerusaalemi. 'Muwulire ebigambo
by'endagaano era mubikole.
7 Okuva lwe naggya bajjajjammwe mu Misiri okutuusa leero, mbakuu-
tidde emirundi mingi nga mbagamba nti, "Muŋŋondere."
8 Naye tebampuliriza wadde okussaayo omwoyo, wabula buli muntu
yeeyongera okutambulira mu bukakanyavu bw'omutima gwe omubi. Ne
ndyoka mbaleetako ebikolimo byonna ebiri mu ndagaano gye nabalagira
okukwata ne batagikwata.' "
9 Ate MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Waliwo olukwe mu basajja ba Yuda ne
mu batuuze b'omu Yerusaalemi.
10 Bazzeeyo mu butali butuukirivu bwa bajjajjaabwe abaagaana okugob-
erera ebigambo byange. Bagoberedde bakatonda abalala ne babaweereza.
Ennyumba zombi eya Isirayiri n'eya Yuda zimenye endagaano gye nakola
ne bajjajjaabwe.
11 Noolwekyo, bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti, 'Laba, ndibaleetako
akabi ke batayinza kuwona; wadde banaankaabirira, sijja kubawuliriza.
12 Ebibuga bya Yuda n'abantu ba Yerusaalemi bajja kugenda bakaabirire
bakatonda baabwe be bootereza obubaane, naye tebaabayambe n'akamu
nga bali mu nnaku.
13 Mulina bakatonda abenkana ebibuga byammwe obungi, ggwe Yuda;
n'ebyoto bye mukoze okwoterezaako obubaane eri Baali byenkana engu-
udo za Yerusaalemi obungi.'
14 "Noolwekyo tosabira bantu bano, tobakaabiririra wadde okube-
gayiririra kubanga siribawulira mu biro lwe baligwako akabi.

15 "Omwagalwa akola ki mu yeekaalu yange ng'ate akoze eby'ekivve?
Okuwaayo ssaddaaka kuyinza okukuggyako ekibonerezo ekijja?
Okola ebibi n'olyoka ojaguza!"

16 MUKAMA yakutuuma Omuzeyituuni ogubala ennyo,
oguliko ebibala ebirungi.
Naye ajja kugukumako omuliro
n'okuwuuma okw'omuyaga ogw'amaanyi,
amatabi gaagwo gakutuke.

17 MUKAMA Katonda ow'Eggye, eyakusimba akulangiriddeko akabi
kubanga ennyumba ya Isirayiri n'ennyumba ya Yuda zikoze eby'ekivve
ne zinkwasa obusungu bwe zooterezza Baali obubaane.

18 MUKAMA yambikkulira nnamanyisa mu bbanga eryo olukwe lwe baali
bansalira.

19 Nnali ng'omwana gw'endiga gwe batwala okuttibwa. Nnali simanyi
nga nze gwe baali balyamu olukwe, nga bagamba nti,

"Ka tuzikirize omuti n'ekibala kyagwo,
ka tumutemere ddala ave ku nsi y'abalamu,
erinnya lye lireme okuddayo okujjukirwa n'akatono."

20 Naye ggwe MUKAMA Katonda ow'Eggye,
alamula mu bwenkanya, agezesa omutima n'ebirowoozo,
ka ndabe bw'obawoolera eggwanga,
kubanga ggwe gwenkwasizza ensonga yange.

21 Noolwekyo bw'atyo bw'ayogera MUKAMA Katonda ku basajja b'e Ana-
sosi abanoonya obulamu bwo nga bagamba nti, "Totubuulira bunnabbi
mu linnya lya MUKAMA, tuleme okukutta."

22 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti, "Laba,
nzija kutta abavubuka n'ekitala; ne batabani baabwe n'abawala bafe
enjala.

23 So tewaliba n'omu alisigalawo, kubanga ndireeta akabi ku basajja b'e
Anasosi, mu mwaka gwe ndibabonererezaamu."

# 12

### *Okwemulugunya kwa Yeremiya*

1 Bulijjo oba mutuukirivu, Ayi MUKAMA Katonda,
bwe nkuleetera ensonga yange.
Noolwekyo nnaaleeta ensonga yange gy'oli.
Lwaki abakozi b'ebibi baba mu kwesiima?
Lwaki abalimbalimba bonna baba mu bulamu obw'emirembe?

2 Wabasimba, emirandira ne ginywera,
bakula ne baleeta ebibala.
Tova ku mimwa gyabwe bulijjo
wadde ng'oliwala n'emitima gyabwe.

3 Ate ng'ommanyi Ayi MUKAMA Katonda,
ondaba era otegeera bye nkulowoozaako.
Sika otwale abasajja bano ababi ng'endiga ezigenda okuttibwa.
Bategekere olunaku lwe balisanjagirwako.

4 Ensi erikoma ddi okwonooneka,
n'omuddo mu buli nnimiro okukala?
Kubanga abo abali mu nsi bakozi ba bibi,
ensolo n'ebinyonyi bizikiridde,
kubanga abantu bagamba nti,
"Katonda taalabe binaatutuukako."

### *Katonda Addamu*

5 "Bw'oba owakana n'abaddusi b'embiro
n'oggwaamu amaanyi
oyinza otya okudduka n'embalaasi?
Obanga mu nsi entereevu weesitadde n'ogwa bugwi,
onoosobolayo otya mu nsiko y'oku Yoludaani?

6 Ne baganda bo n'ab'omu nnyumba ya kitaawo
nabo bennyini bakwefuukidde,

beegasse ku abo abawowoggana nga bakulangiriza.
Tobeesiga
wadde nga bakwogerako bulungi."

### *Ennaku ya MUKAMA olw'Abantu be*

7 "Njabulidde ennyumba yange,
ne ndeka omugabo gwange;
mpaddeyo abo emmeeme yange b'eyagala,
mu mikono gy'abalabe baabwe.
8 Abantu bange be nalonda
banfuukidde ng'empologoma eri mu kibira;
empulugumira,
noolwekyo mbakyaye.
9 Abantu bange be nalonda
tebanfuukidde ng'ennyonyi erya ginnaazo ey'amabala,
ebinyonyi ebirala ebirya binaabyo gye bizingiza ne bigirumba?
Mugende mukuŋŋaanye ensolo zonna ez'omu nsiko
muzireete zirye.
10 Abasumba bangi
boonoonye ennimiro yange ey'emizabbibu,
balinnyiridde ennimiro yange,
ensi yange ennungi bagirese njereere.
11 Eyonooneddwa efuuse ddungu
esigadde awo ng'enkaabirira.
Ensi yonna efuuse matongo
kubanga tewali muntu n'omu agifaako.
12 Abanyazi bazze
batuuse ku nsozi zonna ez'omu ddungu,
kubanga ekitala kya MUKAMA kijja kulya
okuva ku nsonda emu ey'ensi okutuuka ku ndala,
awataliiwo n'omu kuwona.
13 Basize eŋŋaano, ne bakungula amaggwa.
Bakooyedde bwereere ne bataba na kebaggyamu.
Bakwatiddwa ensonyi olw'ebibala bye bakunguddeyo,
kubanga ebyo MUKAMA y'abikoze olw'obusungu bwe obungi."

14 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Ebikwata ku baliraanwa bange ababi
nga bifa ku mugabo gwe nawa abantu bange Isirayiri okuba ogwabwe,
laba ndibasiguukulula okuva mu nsi yaabwe, era ndiggya ennyumba ya
Yuda mu bo.
15 Naye nga mmaze okubasiguukululamu, ndibakwatirwa ekisa ne
mbakomyawo buli omu eri omugabo gwe mu nsi ye.
16 Era nga bwe bayigiriza abantu bange okulayirira mu linnya lya
Baali bwe batyo balikwatira ddala empisa z'abantu bange, okulayirira
mu linnya lyange nga boogera nti, 'Nga MUKAMA bw'ali omulamu,' olwo
balizimbibwa wakati mu bantu bange.
17 Naye eggwanga bwe litalissaayo mwoyo, ndirisiguukulula ne ndis-
aanyizaawo ddala," bw'ayogera MUKAMA.

## 13

1 Bw'ati MUKAMA bwe yaŋŋamba nti, "Genda ogule olukoba olwa linena
olwesibe mu kiwato kyo, naye tolunnyikanga mu mazzi."
2 Bwe ntyo ne neegulira olukoba, nga MUKAMA bwe yandagira, ne
ndwesiba mu kiwato kyange.

3 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira omulundi ogwokubiri
4 nti, "Ddira olukoba lwe wagula lwe weesibye mu kiwato kyo ogende
ku mabbali g'omugga Fulaati olukweke eyo mu lwatika lw'olwazi."
5 Bwe ntyo ne ŋŋenda ne ndukweka ku mabbali g'omugga Fulaati nga
MUKAMA bwe yandagira.
6 Ennaku nnyingi nga ziyiseewo, ate MUKAMA nandagira nti, "Genda
kaakano ku Fulaati oleete olukoba lwe nakulagira okukwekayo."
7 Awo ne ndyoka ŋŋenda ku mugga Fulaati, ne nsimulayo olukoba
ne nduggya mu kifo we nnali ndukwese. Naye laba, olukoba lwali
lwonoonese, nga terukyalina kye lugasa.
8 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nga kyogera nti,
9 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Bwe ntyo bwe ndikkakkanya
okwegulumiza kwa Yuda ne Yerusaalemi.
10 Abantu bano aboonoonyi abagaana okukwata ebigambo byange,
abagoberera obujeemu bw'emitima gyabwe ne bagoberera bakatonda
abalala okubaweereza n'okubasinza, bajja kuba ng'olukoba olwo olutali-
iko kye lugasa.
11 Ng'olukoba bwe lunywerera mu kiwato ky'omuntu, bwe ntyo bwe
nzija okwagala ennyumba ya Isirayiri yonna n'eya Yuda zinneesibeko,'
bw'ayogera MUKAMA, 'balyoke babeere abantu bange, bagulumize erinnya
lyange n'ettendo; naye bo ne batawulira.' "

### *Olugero lw'Ekita*

12 "Bagambe bw'oti nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa
Isirayiri, buli kita kiba kya kujjuza nvinnyo.' Nabo balikuddamu nti,
'Tetumanyi nga buli kita kiba kya kujjuza nvinnyo?'
13 Olwo olyoke obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Laba
nditamiiza abantu bonna abatuula mu nsi eno, ne bakabaka abatuula ku
ntebe ya Dawudi ey'obwakabaka, ne bakabona, ne bannabbi n'abantu
bonna ab'omu Yerusaalemi.
14 Era buli omu alikoonagana ne munne, abalenzi ne bakitaabwe,
bw'ayogera MUKAMA. Siribalumirwa, wadde okubaleka oba okubak-
watirwa ekisa, ndibazikiriza.' "

### *Amalala n'Okuswazibwa kwa Yerusaalemi*

15 Wuliriza ontegere okutu;
toba na malala,
MUKAMA y'akyogedde.
16 MUKAMA Katonda wo
mugulumize nga tannaleeta kizikiza,
nga ebigere byo tebinneesittala ku nsozi
ezikutte ekizikiza.
Musuubira ekitangaala,
naye ajja okukifuulamu ekisiikirize eky'okufa
akikyuse kibe ekizikiza ekikutte ennyo.
17 Naye bwe mutaafeeyo,
emmeeme yange eneekaabira mu kyama
olw'amalala gammwe;
amaaso gange gajja kukaaba nnyo nnyini
gakulukuse amaziga
era ekisibo kya MUKAMA kijja kuwambibwa.

18 Gamba kabaka era ne namasole nti,

“Mukke muve ku ntebe zammwe ez’obwakabaka,
kubanga engule zammwe ez’ebitiibwa
zijja kugwa okuva ku mitwe gyammwe.”
19 Ebibuga by’e Negebu biggaddwawo,
tewali n’omu anaabiggulawo;
Yuda yonna yaakutwalibwa mu buwaŋŋanguse,
yonna yaakutwalibwa.

20 Muyimuse amaaso gammwe
mulabe abo abava mu bukiikakkono.
Kiruwa ekisibo ekyabaweebwa,
endiga ezaabeeyinuzanga?
21 Muligamba mutya MUKAMA
bw’alibawaayo okufugibwa abo be mwali mutwala nga ab’omukago?
Temulirumwa
ng’omukazi alumwa okuzaala?
22 Era bwe weebuuza nti,
“Lwaki kino kintuseeko?”
Olw’ebibi byo ebingi
engoye zo kyezivudde ziyuzibwa,
era omubiri gwo ne gubonerezebwa.
23 Omuwesiyopya ayinza okukyusa olususu lw’omubiri gwe
oba engo okukyusa amabala gaayo?
Bwe mutyo bwe mutasobola kukola birungi,
mmwe abaamanyiira okukola ebibi.

24 “Ndibasaasaanya ng’ebisusunku
ebifuuyibwa empewo eva mu ddungu.
25 Guno gwe mugabo gwo
gwe nakupimira,” bw’ayogera MUKAMA,
“kubanga wanneerabira
ne weesiga bakatonda ab’obulimba.
26 Nze kennyini ndibikkula engoye zammwe ne nzibikka ku mitwe gyammwe,
obwereere bwammwe ne bulabika.
27 Ndabye obwenzi bwammwe
n’obwamalaaya bwe mukoze.
Ndabye ebikolwa byo eby’ekivve ku busozi
era ne mu nnimiro.
Zikusanze ggwe, ayi Yerusaalemi!
Olituusa ddi obutaba mulongoofu?”

# 14

*Ekyeya, Enjala, n’Ekitala*

1 Ekigambo kya MUKAMA ekyajjira Yerusaalemi ekikwata ku kyeya.
2 “Yuda ekungubaga n’ebibuga byayo bifaafaaganye,
bakaabira ensi,
era omulanga
gusimbuse mu Yerusaalemi.
3 Abakungu batuma abaddu baabwe okuleeta amazzi;
bagenda mu ttanka ez’omu ttaka nga temuli kantu,
bakomawo n’ebintu ebikalu;

ensonyi nga zibakutte
n'essuubi nga libaweddemu;
babikka amaaso gaabwe.
4 Ettaka lyatise
kubanga enkuba tekyatonnya,
abalimi baweddemu amaanyi,
babikka ku mitwe gyabwe.
5 N'empeewo ku ttale ezaala
n'ereka awo omwana gwayo
kubanga tewali muddo.
6 N'ennyumbu ez'omu nsiko ziyimirira ku busozi obukalu
nga ziwejjawejja ng'ebibe,
amaaso gaazo nga tegalaba bulungi
kubanga tezirina kye zirya."

7 Wadde obutali butuukirivu bwaffe butulumiriza, Ayi MUKAMA,
baako ky'okola olw'erinnya lyo.
Kubanga tuzze ennyuma emirundi mingi,
tukwonoonye nnyo.
8 Ayi ggwe essuubi lya Isirayiri,
Omulokozi waalyo mu biseera eby'okulabiramu ennaku,
lwaki oli ng'omuyise mu nsi,
ng'omutambuze asula ekiro ekimu?
9 Lwaki oli ng'omuntu gwe baguddeko obugwi,
ng'omulwanyi ataliimu maanyi ganunula?
Ggwe, Ayi MUKAMA Katonda, oli wakati mu ffe,
era tuyitibwa linnya lyo.
Totuleka.
10 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ku bantu be nti,
"Baagala nnyo okubula,
tebaziyiza bigere byabwe.
Noolwekyo MUKAMA tabakkiriza
era kaakano wakujjukira obutali butuukirivu bwabwe
era ababonereze olw'ebibi byabwe."
11 Awo MUKAMA Katonda n'aŋŋamba nti, "Tosabira bantu bano kubeera
bulungi.
12 Newaakubadde nga basiiba, sijja kuwulira kukaaba kwabwe, era
wadde bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo eby'empeke,
sijja kubikkiriza. Naye nnaabazikiriza n'ekitala, n'enjala ne kawumpuli."
13 Naye ne njogera nti, "Woowe, MUKAMA Katonda, bannabbi abalala
babagamba nti, 'Tewajja kubaawo lutalo wadde okulumwa enjala. Naye
nzija kuleeta mirembe egitakoma mu kifo kino.' "
14 Awo MUKAMA n'alyoka aŋŋamba nti, "Bannabbi bawa obunnabbi
obw'obulimba mu linnya lyange, sibatumanga wadde okubalagira ok-
wogera nabo. Babategeeza okwolesebwa okw'obulimba n'obunnabbi
obutaliimu, n'obutaliimu bw'emitima gyabwe.
15 Noolwekyo, bw'atyo bw'ayogera MUKAMA, ebikwata ku bannabbi
abategeeza ebyobunnabbi mu linnya lyange wadde nga sibatumanga, era
abagamba nti, 'Ekitala n'enjala tebijja kujja mu nsi eno.' Bannabbi abo
bennyini bajja kuzikirizibwa ekitala n'enjala.
16 N'abantu be bategeezezza obunnabbi balifa enjala n'ekitala ne
bakasukibwa mu nguudo babulweko abaziika, bo ne bakazi baabwe,

ne batabani baabwe, n'abawala. Kubanga ndibayiwako obusungu obubasaanira.

17 "Kino ky'oba obagamba nti,
" 'Leka amaaso gange gakulukute amaziga
emisana n'ekiro awatali kukoma;
kubanga muwala wange embeerera, abantu bange,
bafunye ekiwundu ekinene,
ekintu eky'amaanyi.
18 Bwe ŋŋenda mu byalo
ndaba abafumitiddwa n'ekitala!
Bwe ŋŋenda mu kibuga
ndaba okutaagulwataagulwa okw'enjala.
Naye nnabbi ne kabona beeyongera okukola emirimu gyabwe mu ggwanga
kyokka nga bye boogera bya bulimba.' "

19 Yuda ogigaanidde ddala?
Sayuuni ogyetamiriddwa ddala?
Otufumitidde ddala awatali kuwonyezebwa?
Twasuubira emirembe naye tewali kalungi ke tufunye,
ekiseera eky'okuwonyezebwa
naye laba tufunye bulabe bwereere.
20 Ayi MUKAMA tukkiriza ebibi byaffe
era n'obutali butuukirivu bwa bajjajjaffe,
kubanga ddala twayonoona gy'oli.
21 Olw'erinnya lyo totugoba,
tovumaganyisa ntebe yo ey'obwakabaka ey'ekitiibwa.
Jjukira endagaano gye wakola naffe,
togimenya, gituukirize.
22 Waliwo ku bakatonda ababajje bannaggwanga asobola okutonnyesa enkuba?
Eggulu ku bw'alyo lisobola okuleeta enkuba?
Nedda, wabula ggwe, Ayi MUKAMA Katonda waffe.
Noolwekyo essuubi lyaffe liri mu ggwe,
kubanga ggwe okola bino byonna.

# 15

*Yuda Wakuzikirira*

1 Awo MUKAMA n'alyoka aŋŋamba nti, "Musa ne Samwiri ne bwe bandiyimiridde okunneegayirira, sandisonyiye bantu bano. Bagobe okuva mu maaso gange, banviire.

2 Era bwe bakubuuza nti, 'Tunaagenda wa?'
"Bagambe nti, 'Kino MUKAMA kyagamba nti,
Ab'okuttibwa bagenda kuttibwa,
n'ab'ekitala bafe ekitala, n'ab'enjala bafe enjala,
n'ab'okuwambibwa bawambibwe.'

3 "Ndiweereza engeri nnya ez'okubazikiriza," bw'ayogera MUKAMA. "Ekitala kya kufumita, embwa zikulule, ebinyonyi eby'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko zirye n'okuzikiriza.

4 Era ndibawaayo babeetamwe eruuyi n'eruuyi mu bwakabaka bwonna obw'omu nsi olw'ekyo Manase mutabani wa Keezeekiya kabaka wa Yuda kye yakola mu Yerusaalemi.

5 “Ani alikukwatirwa ekisa ggwe Yerusaalemi?
Oba ani alikukungubagira?
Oba ani alikyama okubuuza ebikufaako?
6 Mwanneegaana,” bw’ayogera MUKAMA.
“Temutya kudda nnyuma.
Noolwekyo mbagololeddeko omukono gwange
ne mbazikiriza.
Sikyasobola
kukukwatirwa kisa.
7 Era ndibakuŋŋunta n’ekitiiyo eky’amannyo
mu miryango gy’ebibuga eby’omu nsi.
Ndizikiriza abantu bange ne mbamalawo
kubanga tebaaleka makubo gaabwe.
8 Bannamwandu beeyongedde obungi
okusinga n’omusenyu gw’ennyanja.
Mu ttuntu mbaleetedde omuzikiriza
amalewo ababazaalira abalenzi abato.
Mbakubiddewo
obubalagaze n’entiisa.
9 Eyazaala omusanvu ayongobedde,
awejjawejja.
Enjuba ye egudde nga bukyali misana,
amaanyi gamuwedde, ensonyi zimukutte, awuunze, awuubadde.
N’abo abawonyeewo ndi wa kubasogga ekitala,
mu maaso ga balabe baabwe,”
bwayogera MUKAMA.

10 Zinsanze, mmange lwaki wanzaala
omuntu eggwanga lyonna gwe lirwanyisa ne likuluusanya?
Siwolanga wadde okweyazika,
kyokka buli muntu ankolimira.
11 MUKAMA agamba nti,
“Ddala ndikununula olw’ekigendererwa ekirungi,
ddala ndireetera abalabe bo okukwegayirira,
mu biseera eby’okuluma obujiji, mu biseera eby’akabi.

12 “Omusajja ayinza okumenya ekikomo
oba ekyuma eky’omu bukiikakkono?

13 “Ndiwaayo eby’obugagga byo n’ebintu byo eby’omuwendo ennyo
binyagibwe awatali kusasulwa,
olw’ebibi byo byonna
ebikoleddwa mu ggwanga lyonna.
14 Ndibafuula abasibe b’abalabe bammwe
mu ggwanga lye mutamanyi,
kubanga obusungu bwange bwakukoleeza omuliro
ogunaabookya gubamalewo.”

*Yeremiya Yeekaabirako*

15 Ayi MUKAMA ggwe omanyi byonna.
Nzijukira ondabirire.
Ompalanire eggwanga ku abo abanjigganya.
Mu kugumiikiriza kwo okunene tontwala.
Lowooza ku ngeri gye mbonyeebonye ku lulwo.

16 Ebigambo byo bwe byanzijira, ne mbirya,
byali ssanyu era okujaguza kw'omutima gwange.
Kubanga mpitibwa linnya lyo,
Ayi MUKAMA Katonda ow'Eggye.
17 Situulangako mu kuŋŋaaniro ly'abo ab'ebinyumu
era sibeerangako mu biduula nabo.
Natuulanga nzekka kubanga naliko omukono gwo,
era wandeetera okwekyawa.
18 Lwaki okulumwa kwange tekukoma
era n'ekiwundu kyange ne kitawona?
Onomberera ng'akagga akalimbalimba
ng'ensulo ekalira?
19 Noolwekyo kino MUKAMA ky'agamba nti,
"Bwe muneenenya,
ndibakomyawo musobole okumpeereza;
bwe mulyogera ebigambo ebisaana so si ebitasaanidde,
mulibeera boogezi bange.
Leka abantu bano be baba bajja gy'oli,
so si ggwe okugenda gye bali.
20 Ndikufuula ekisenge eri abantu bano,
ekisenge ekinywezebbwa eky'ekikomo.
Balikulwanyisa
naye tebalikuwangula,
kubanga ndi naawe,
okukununula, n'okukulokola,"
bw'ayogera MUKAMA.
21 "Ndikununula okuva mu mukono gw'abakozi b'ebibi
era n'enkuggya mu mukono gw'abasajja abakambwe," bw'ayogera MUKAMA.

# 16

*Olunaku olw'Akabi*

1 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nga kigamba nti,
2 "Towasa, kuzaalira balenzi na bawala mu kifo kino.
3 Kubanga kino MUKAMA ky'agamba ku balenzi n'abawala abazaalibwa
mu nsi eno era ne ku bakazi ba nnyaabwe ne ku basajja ba kitaabwe.
4 Balifa endwadde ez'akabi. Tebalibakungubagira wadde okuziikibwa
naye balibeera ng'ebisaaniko ebisuuliddwa ku ttaka. Balizikirira na
kitala era balifa njala; n'emirambo gyabwe girifuuka mmere ya binyonyi
eby'omu bbanga n'ebisolo eby'omu nsiko."
5 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Toyingira mu nnyumba
we balya emmere y'olumbe, togenda kukungubaga wadde okubasaasira
kubanga nziggyewo omukisa gwange n'okwagala kwange era n'okusaasira
kwange ku bantu bano," bw'ayogera MUKAMA.
6 Bonna ab'ekitiibwa n'abakopi baakufiira mu nsi eno. Tebajja
kuziikibwa wadde okukungubagirwa era tewali ajja kwesala misale wadde
okumwa omutwe ku lwabwe.
7 Tewaliba n'omu aliwaayo mmere okuliisa abakungubagira abafiirid-
dwa, ne bwaliba kitaabwe oba nnyaabwe nga kwe kuli afudde; tewaliba
n'omu alibawaayo wadde ekyokunywa okubakubagiza.
8 Era toyingiranga mu nnyumba muli kinyumu n'otuula okulya
n'okunywa.

9 Kubanga kino Mukama ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri, ky'agamba nti, "Nga weerabirako n'amaaso go, mu nnaku z'obulamu bwo, ndikomya eddoboozi ery'essanyu era n'ery'okwesiima ery'abagole omusajja ne mukyala we mu kifo kino.

10 "Bw'oligamba abantu bino byonna ne bakubuuza nti, 'Lwaki Mukama atutuusizaako akabi kano konna? Kibi ki kye tukoze? Musango ki gwe tuzizza eri Mukama Katonda waffe?'

11 Kale bagambe nti, 'Kubanga bakitammwe bandeka ne batakuuma mateeka gange,' bw'ayogera Mukama, 'ne bagoberera bakatonda abalala ne babaweereza ne babasinza. Bandeka ne batakuuma mateeka gange.

12 Era mweyisizza bubi n'okusinga bakitammwe. Laba buli omu nga bwe yeeyisa ng'akakanyaza omutima gwe ogujjudde ebibi mu kifo ky'okuŋŋondera.

13 Noolwekyo ndibaggya mu nsi eno ne mbateeka mu nsi mmwe gye mutamanyi wadde bakitammwe gye bataamanya, era nga muli eyo muliweereza bakatonda abalala emisana n'ekiro, era siribakwatirwa kisa.'

14 "Naye ennaku zijja," bw'ayogera Mukama. "Abantu lwe bataliddayo kwogera nti, 'Ddala nga Katonda bw'ali omulamu eyaggya Isirayiri mu nsi y'e Misiri,'

15 naye baligamba nti, 'Ddala nga Mukama bw'ali omulamu eyaggya Abayisirayiri mu nsi ey'omu bukiikakkono era n'okuva mu nsi zonna gye yali abasudde.' Kubanga ndibakomyawo mu nsi gye nawa bajjajjaabwe.

16 "Naye kaakano leka ntumye abavubi bange," bw'ayogera Mukama, "era bajja kubavuba. Ng'ekyo kiwedde nzija kutumya abayizzi bange, era bajja kubayigga ku buli lusozi era na buli kasozi na buli lwatika lwonna mu njazi.

17 Amaaso gange galaba buli kye bakola, tebinkwekeddwa wadde obutali butuukirivu bwabwe okuunkwekebwa.

18 Ndibasasula olw'obutali butuukirivu bwabwe n'olw'ekibi kyabwe emirundi ebiri, kubanga boonoonye ensi yange olw'ebintu ebitaliimu bulamu ne bajjuza omugabo gwange ebifaananyi bya bakatonda baabwe abakolerere, eby'emizizo."

19 Ayi Mukama, amaanyi gange era ekigo kyange,
ekiddukiro kyange mu biro eby'okulabiramu ennaku,
bannaggwanga balijja gy'oli,
okuva ku nkomerero z'ensi bagambe nti,
"Bakitaffe tebaalina kantu okuggyako bakatonda ab'obulimba,
ebifaananyi ebikolerere ebitagasa ebitaabayamba.
20 Abantu beekolera bakatonda baabwe?
Ye, naye si Katonda!

21 "Noolwekyo ndibayigiriza,
ku mulundi guno;
ŋŋenda kubalaga amaanyi gange n'obuyinza bwange.
Olwo balyoke bamanye nti
erinnya lyange nze Mukama."

# 17

*Ekibi n'Ekibonerezo kya Yuda*

1 "Ekibi kya Yuda kiwandiikiddwa n'ekkalaamu ey'ekyuma
n'ejjinja essongovu;
kirambiddwa ku mitima gyabwe

ne ku mayembe g'ebyoto byabwe.
2 N'abaana baabwe basinziza
ku byoto bya bakatonda ba Asera
ebiri ku buli muti oguyimiridde
era ne ku busozi obuwanvu.
3 Olusozi lwange oluli mu nsi,
obugagga bwammwe n'ebintu byo eby'omuwendo byonna,
ndibiwaayo byonna binyagibwe
n'ebifo byammwe ebigulumivu kwe musaddaakira
olw'ekibi ekibunye mu nsi yonna.
4 Musango gwo ggwe nti olifiirwa ensi gye nakuwa okuba omugabo gwo,
ndikufuula muddu wa balabe bo mu nsi gy'otomanyangako,
kubanga mu busungu bwange omuliro gukoleezeddwa
ogunaayakanga emirembe gyonna."
5 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
Akolimiddwa oyo eyeesiga omuntu
era eyeesiga omubiri okuba amaanyi ge,
era alina omutima oguva ku Katonda.
6 Aliba ng'ekisaka mu ddungu,
ataliraba birungi bwe birijja,
naye alibeera mu biwalakate mu ddungu,
ensi ey'omunnyo omutali abeeramu.

7 Naye alina omukisa omusajja oyo eyeesiga MUKAMA,
nga MUKAMA ly'essuubi lye.
8 Ali ng'omuti ogusimbiddwa awali amazzi,
ne gulandiza emirandira gyagwo ku mabbali g'omugga,
nga wadde omusana gujja, tegutya
n'amakoola gaagwo tegawotoka,
so tegulyeraliikirira mu mwaka ogw'ekyeya
era teguliremwa kubala bibala.
9 Omutima mulimba okusinga ebintu byonna,
era gulwadde endwadde etawonyezeka.
Ani ayinza okugutegeera?

10 "Nze MUKAMA nkebera omutima,
ngezesa emmeeme,
okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali,
ng'ebikolwa bye bwe biri."

11 Ng'enkwale bw'eyalula amagi geetebiikanga,
bw'atyo bw'abeera oyo afuna obugagga mu makubo amakyamu;
obulamu bwe nga bwakabeerawo kaseera buseera,
bulimuggwaako era oluvannyuma alizuulibwa nga musiru.

12 Ekifo kyaffe ekitukuvu,
ntebe ey'ekitiibwa eyagulumizibwa okuva ku lubereberye.
13 Ayi MUKAMA essuubi lya Isirayiri,
bonna abakuvaako baliswala.
Abo abakuvaako ne bakuleka baliba ng'abawandiikiddwa mu nfuufu,
kubanga bavudde ku MUKAMA,
oluzzi olw'amazzi amalamu.

14 Mponya, Ayi MUKAMA, nange nnaawona,
ndokola nange nnaalokoka,
kubanga ggwe gwe ntendereza.
15 Tobakkiriza kuŋŋamba nti,
"Ekigambo kya MUKAMA kiri ludda wa?
Ka kituukirire nno kaakano!"
16 Sirekeddaawo kuba musumba wa ndiga zo,
omanyi nga sikusabanga kubaleetako nnaku.
Byonna ebiva mu kamwa kange tebikukwekeddwa, obimanyi.
17 Toba wa ntiisa gye ndi,
ggwe oli buddukiro bwange mu kiseera eky'okulabiramu ennaku.
18 Abo abanjigganya leka baswale,
era onkuume nneme kuswala;
leka bagwemu ekyekango
nze onkuume nneme okwekanga,
batuuse ku lunaku olw'ekikangabwa,
bazikiririze ddala.

### *Okukuuma Ssabbiiti nga Ntukuvu*

19 Bw'ati MUKAMA bwe yaŋŋamba nti, "Genda oyimirire ku mulyango
gw'abantu, bakabaka ba Yuda mwe bayingirira n'okufuluma; yimirira ne
ku nzigi endala eza Yerusaalemi.
20 Bagambe nti, 'Muwulirize ekigambo kya MUKAMA mmwe bakabaka
ba Yuda n'abantu bonna ababeera mu Yerusaalemi, abayita mu miryango
gy'ekibuga.
21 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Weegendereze oleme kufulumya
mugugu gwonna mu nnyumba yo wadde okukola omulimu gwonna
ku ssabbiiti, naye mukuume olunaku lwa Ssabbiiti nga lutukuvu nga
temulukolerako mulimu gwonna,
22 era kuuma olunaku lwa Ssabbiiti nga lutukuvu nga bwe nalagira
bajjajjammwe.'
23 Naye tebaawuliriza wadde okukkiriza okunenyezebwa.
24 Kyokka bwe muneegendereza ne muŋŋondera, bw'ayogera MUKAMA,
'ne mutayisa kintu kyonna kye mwetisse mu miryango gy'ekibuga ku
ssabbiiti, naye ne mukuuma olwa Ssabbiiti nga lutukuvu obutakolerako
mulimu gwonna,
25 olwo bakabaka abatuula ku ntebe ya Dawudi bajja kuyita mu
miryango gy'ekibuga n'abakungu baabwe. Bo n'abakungu baabwe
baakujja ng'abamu bavuga amagaali abalala nga beebagadde embalaasi,
nga bawerekeddwako abasajja ba Yuda n'abo abali mu Yerusaalemi era
ekibuga kino kiribeerwamu emirembe gyonna.
26 Abantu balijja okuva mu bibuga bya Yuda ne mu byalo ebiriraanye
Yerusaalemi, okuva mu bitundu bya Benyamini ne mu biwonvu ne mu
nsozi z'ebugwanjuba, n'okuva mu nsi ey'ensozi ey'e Negevu, nga baleeta
ebiweebwayo ebyokebwa, ne ssaddaaka, ebiweebwayo eby'empeke,
n'obubaane era n'ebiweebwayo eby'okwebaza mu nnyumba ya MUKAMA.
27 Naye bwe mutaŋŋondere kukuuma lunaku lwa Ssabbiiti nga lutukuvu
ne mwetikkirako emigugu gyammwe nga mufuluma mu nguudo za
Yerusaalemi ku lunaku olwa Ssabbiiti, ndikoleeza omuliro ogutazikira mu
miryango gya Yerusaalemi oguliyokya ebigo byakyo.' "

# 18

*Olugero lw'Omubumbi n'Ebbumba*

1 Kino ky'ekigambo ekyajjira Yeremiya ekyava eri MUKAMA nti,
2 "Serengeta mu nnyumba y'omubumbi nkuweere eyo obubaka
bwange."
3 Awo ne nserengeta eri ennyumba y'omubumbi ne mmulaba ng'akolera
emirimu gye ku nnamuziga.
4 Naye ekintu kye yali abumba kyali kyonoonekedde mu ngalo ze,
omubumbi kyeyava akibumbamu ekintu ekirala ng'akibumba nga bwe
yasiima.
5 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nga kigamba nti,
6 "Gwe ennyumba ya Isirayiri, siyinza nze kubakola ng'omubumbi ono
bw'akoze?" bw'ayogera MUKAMA. "Okufaanana ng'ebbumba mu mukono
gw'omubumbi, bwe mutyo bwe muli mu ngalo zange, ggwe ennyumba ya
Isirayiri.
7 Ekiseera kyonna bwe nnangirira nti eggwanga oba obwakabaka bwa
kusiguukululwa, okumenyebwa era n'okuzikirizibwa,
8 era singa eggwanga lye nalabula lyenenya ebibi byalyo, olwo ndyejjusa
ne sibatuusaako kabi ke nnali ŋŋambye okubakola.
9 Era ekiseera kyonna nnangirira ebikwata ku ggwanga oba obwakabaka
nti ndizimba era ndisimba,
10 era bwe likola ebibi mu maaso gange, ne litaŋŋondera, ndyejjusa
obulungi bwe nagamba okubakolera.
11 "Noolwekyo gamba abantu ba Yuda n'abo ababeera mu Yerusaalemi
nti, 'Kino MUKAMA ky'ayogera nti, Laba ntekateeka okubatuusaako
ekikangabwa era nteesezza okubakola akabi. Kale muve mu makubo
gammwe amabi, buli omu ku mmwe, mukyuse enneeyisa yammwe
n'ebikolwa byammwe.'
12 Naye ne boogera nti, 'Tekirina kye kigasa. Tujja kugenda mu
maaso n'entegeka yaffe; buli omu ku ffe anaakolanga ng'obukakanyavu
bw'omutima gwe bwe buli.' "
13 Noolwekyo bw'ati MUKAMA ng'agamba nti,
"Mwebuuzeeko mu mawanga.
Ani eyali awuliddeko ekintu bwe kiti?
Muwala wange Isirayiri
akoze ekintu eky'ekivve.
14 Omuzira oguli ku Lebanooni
gwali guwedde ku njazi zaakwo?
Amazzi gaakwo amannyogovu agava ewala
gaali galeseeyoko okukulukuta?
15 Naye ate abantu bange banneerabidde,
banyookezza obubaane eri bakatonda abalala,
abaleetera okwesittala mu makubo gaabwe
era ne mu makubo ag'edda
era ne balaga mu bukubokubo.
16 Ensi yaabwe ya kusigala matongo,
ekintu eky'okusekererwa emirembe gyonna,
abo bonna abayise balyewuunya
era ne banyeenya emitwe gyabwe.
17 Ndibasaasaanya mu maaso g'abalabe baabwe
ng'empewo eva ebuvanjuba;
ndibalaga mabega

so si maaso gange ku lunaku olw'okulabirako ennaku."

18 Awo ne balyoka bagamba nti, "Mujje tubeeko kye tukola Yeremiya.
Kubanga bakabona weebali banaatutegeezanga amateeka, n'amagezi
tunaagafunanga ku bagezi, era n'ebyobunnabbi binaavanga mu bannabbi.
Kaakano mujje tumulumbe tumuwakanye era tuleme okussaayo omwoyo
ku bigambo bye."

19 Ompulirize, Ayi MUKAMA,
owulirize abampakanya kye bagamba.
20 Ebikolwa ebirungi binaasasulwanga na bikolwa ebibi?
Bansimidde obunnya.
Ojjukire nga nayimirira mu maaso go
ne nkaaba ku lwabwe,
nga nsaba olekeraawo okubasunguwalira.
21 Noolwekyo abaana baabwe baleke bafe enjala,
obaweeyo battibwe n'ekitala.
Leka bakazi baabwe bafuuke bagumba era babe bannamwandu;
abasajja baabwe battibwe;
abavubuka baabwe batirimbulwe n'ekitala mu lutalo.
22 Leka okukaaba kuwulirwe nga kuva mu nnyumba zaabwe,
bwe banaalumbibwa ne bazindibwa embagirawo,
kubanga bansimidde ekinnya bankwate
era bateze ebigere byange emitego.
23 Naye Ayi MUKAMA, gw'omanyi byonna,
bye bateesa banzite.
Tobasonyiwa byonoono byabwe
wadde okusangulawo ebibi byabwe mu maaso go.
Obawangulire ddala,
era obabonereze mu kiseera ky'obusungu bwo.

# 19

### *Olugero lw'Ensumbi Eyayatika*

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Genda ogule ensumbi ey'ebbumba
okuva ku mubumbi. Twala abamu ku bakadde ne ku bakabona,
2 ofulume ogende mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu ekiri
awayingiririrwa mu mulyango Kalusiisi, olangiririre eyo ebigambo bye
nnaakutegeeza.
3 Ogambe nti, 'Muwulire ekigambo kya MUKAMA mmwe bakabaka
ba Yuda nammwe abali mu Yerusaalemi, bw'atyo bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Muwulirize! Ndireeta ekikangabwa
mu kifo kino ekiriwaawaaza buli kutu.
4 Kubanga banvuddeko ekifo kino ne bakifuula ekya bakatonda abal-
ala. Bookerezaamu ebiweebwayo eri bakatonda, bakitaabwe wadde
bakabaka ba Yuda be batamanyangako, nga bajjuzza ekifo kino omusaayi
gw'abataliiko musango.
5 Bazimbye ebifo ebigulumivu ebya Baali, bookereyo batabani baabwe
mu muliro ng'ekiweebwayo eri Baali, ekintu kye siragiranga, era kye
soogerangako, wadde okukirowoozaako.
6 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Mwegendereze, ennaku
zijja, ng'ekifo kino abantu tebakyakiyita Tofesi newaakubadde Kiwonvu
kya mutabani wa Kinomu, wabula nga bakiyita ekiwonvu eky'ettambiro.

7 “ ‘Mu kifo kino ndizikiriza entegeka za Yuda ne Yerusaalemi. Ne
mbawaayo mu mikono gy’abalabe baabwe battibwe n’ekitala, era ndi-
waayo emirambo gyabwe okuba emmere y’ebinyonyi eby’omu bbanga
n’ebisolo eby’omu nsiko.
8 Ndidibaga ekibuga kino ne nkifuula eky’okusekererwa, n’abo bonna
abayitawo bennyamire era baseke olw’ebiwundu byakyo byonna.
9 Olw’okuzingizibwa n’okunyigirizibwa abalabe baabwe abanoonya
okubatta, ndibaliisa emirambo gya batabani baabwe n’egy’abawala
baabwe era buli omu alirya munne.’
10 “Awo n’olyoka omenya ensumbi abo b’ogenze n’abo nga balaba,
11 obagambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye nti,
Ndiyasaayasa eggwanga lino n’ekibuga kino ng’ensumbi y’omubumbi eno
bw’engiyasaayasa nga tekikyayinzika kugiddaabiriza. Baliziika abafu mu
Tofesi okutuusa ekifo awaziikibwa lwe kirijjula.
12 Kino kye ndikola ekifo kino n’abo abakibeeramu, bw’ayogera
MUKAMA. Ekibuga kino ndikifuula nga Tofesi.
13 Amayumba g’omu Yerusaalemi n’aga bakabaka ba Yuda galiy-
onoonebwa ng’ago mu Tofesi, ennyumba zonna mwe booterezza
obubaane eri eggye lyonna erya bakatonda ab’omu bbanga, ne baweerayo
ekiweebwayo ekyokunywa.’ ”
14 Awo Yeremiya n’akomawo okuva e Tofesi MUKAMA gye yali amutumye
okuwa obunnabbi, n’ayimirira mu mbuga ya yeekaalu ya MUKAMA
n’agamba abantu bonna nti,
15 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
‘Muwulirize, ndireeta ku kibuga kino ne ku bubuga obukyetoolodde buli
kikangabwa kyonna kye nakirangirirako, kubanga baakakanyaza ensingo
zaabwe ne batagondera bigambo byange.’ ”

# 20

*Yeremiya Ayigganyizibwa ng’Abuulira*

1 Awo Pasukuli eyali kabona mutabani wa Immeri, eyali omukulu mu
yeekaalu ya MUKAMA, yawulira nga Yeremiya awa obubaka buno,
2 n’alagira Yeremiya akubibwe. N’asibibwa mu nvuba eyali mu
mulyango ogw’ekyengulu ogwa Benyamini ku yeekaalu ya MUKAMA.
3 Olunaku olwaddirira, nga Pasukuli amusumuludde mu nvuba,
Yeremiya n’amugamba nti, “MUKAMA takyakuyita Pasukuli, naye Mago-
lumissabibu.
4 Kubanga bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Laba, ndikufuula eky’entiisa,
ekikangabwa, eri ggwe n’eri mikwano gyo bonna; era balifa ekitala
ky’abalabe baabwe, n’amaaso go galikiraba, era Yuda yonna ndigiwaayo
mu mukono gwa kabaka w’e Babulooni, alibatwala e Babulooni oba
okubattisa ekitala.
5 Era ndigabula obugagga bw’ekibuga kino bwonna obulimu,
n’eby’omuwendo omungi era n’eby’obugagga byonna ebya bakabaka
ba Yuda mu mukono gw’abalabe baabwe. Balibutwala babwetikke
ng’omunyago mu Babulooni.
6 Era ggwe Pasukuli, era n’abo bonna ab’omu nnyumba yo balitwalibwa
mu busibe, e Babulooni. Eyo gy’olifiira era oziikibwe, ggwe ne mikwano
gyo bonna b’otegeezezza obunnabbi obw’obulimba.’ ”

*Okwemulugunya kwa Yeremiya*

7 Ayi MUKAMA, wannimba era n’ennimbibwa,

wansinza amaanyi n'ompangula.
Nvumibwa okuva ku makya okuzibya obudde,
buli muntu ankudaalira.
8 Buli lwe njogera,
ndeekaana ne nnangirira akatabanguko n'okuzikirira.
Kale ekigambo kya MUKAMA kindeetera
kuvumwa na kusekererwa buli lunaku.
9 Naye bwe ŋŋamba nti,
"Sijja kumwogerako oba okweyongera okwogera mu linnya lye,"
ekigambo kye mu mutima gwange kiri ng'omuliro ogwaka,
ogukwekeddwa mu magumba gange.
Nkooye okukizibiikiriza
era ddala sisobola.
10 Mpulira bangi nga beegeya nti, "Akabi kali enjuuyi zonna.
Mumuloope.
Leka naffe tumuloope."
Mikwano gyange bonna
banninda ngwe,
nga bagamba nti, "Oboolyawo anaasobya,
tumugweko
tuwoolere eggwanga."

11 Naye MUKAMA ali nange ng'omulwanyi ow'amaanyi ow'entiisa,
kale abanjigganya kyebaliva bagwa ne bataddayo kuyimirira.
Baakulemererwa era baswalire ddala
n'okuswala kwabwe tekulyerabirwa emirembe gyonna.
12 Ayi MUKAMA Katonda ow'Eggye oyo agezesa abatuukirivu,
alaba ebiri munda mu mitima era n'ebirowoozo,
kale leka ndabe bw'obawoolererako eggwanga,
kubanga ensonga zange nzitadde mu mikono gyo.

13 Muyimbire MUKAMA Katonda.
Mumuwe ettendo.
Kubanga awonyezza obulamu bw'omunaku
mu mikono gy'abo abakozi b'ebibi.
14 Lukolimirwe
olunaku kwe nazaalirwa!
Olunaku mmange kwe yanzaalira
luleme kuweebwa mukisa!
15 Akolimirwe eyaleetera kitange amawulire,
agaamusanyusa ennyo,
ng'agamba nti, "Omwana omulenzi akuzaaliddwa."
16 Omusajja oyo abeere ng'ebibuga MUKAMA bye yamenyaamenya
awatali kusaasira kwonna.
Okukaaba kuwulirwe ku makya,
ne nduulu z'abalwanyi mu ttuntu.
17 Yandinzitidde mu lubuto lwa mmange.
Mmange yandibadde entaana yange,
olubuto lwe ne luba lunene emirembe gyonna.
18 Lwaki nava mu lubuto
okulaba emitawaana n'obuyinike
era ennaku zange ne nzimala mu buswavu?

# 21

### *Katonda Agaana Okusaba kwa Zeddekiya*

1 Kino kye kigambo ekyajja eri Yeremiya okuva eri MUKAMA, kabaka
Zeddekiya bwe yamutumira Pasukuli mutabani wa Malukiya ne Zeffaniya
kabona mutabani wa Maaseya okumugamba nti,
2 "Tubuulize kaakano ku MUKAMA kubanga Nebukadduneeza kabaka
w'e Babulooni atulumbye. Oboolyawo MUKAMA anatukolera ekyamagero
ng'edda, Nebukadduneeza n'atuleka."
3 Naye Yeremiya n'abaddamu nti, "Mugambe Zeddekiya nti,
4 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti, Nnaatera
okuboolekeza ebyokulwanyisa byammwe ebiri mu mikono gyammwe bye
mukozesa okulwanyisa kabaka w'e Babulooni n'Abakaludaaya ababaz-
inze ne beetooloola ebweru wa bbugwe w'ekibuga kyammwe. Nzija
kubakuŋŋaanyiza munda mu kibuga kino.
5 Nze kennyini nzija kubalwanyisa n'omukono gwange ogw'amaanyi,
ogugoloddwa mu busungu, n'ekiruyi n'obukambwe obungi.
6 Era ndittisa kawumpuli omubi, abantu awamu n'ensolo enkambwe,
mu kibuga kino.
7 Oluvannyuma lw'ekyo, nnaawaayo Zeddekiya kabaka wa Yuda,
n'abakungu be n'abantu bonna mu kibuga kino abanaaba bawonye
kawumpuli, ekitala n'enjala ebya Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni
n'abalabe baabwe ababanoonya okubatta. Nebukadduneeza anaabatta
n'ekitala, taabalage kisa n'akatono wadde okubasaasira oba okuba-
sonyiwa.'
8 "Era abantu bagambe nti, 'Bw'ati MUKAMA bw'ayogera nti: Laba
mbateereddewo ekkubo ery'obulamu era n'ekkubo ery'okufa.
9 Buli anaasigala mu kibuga kino ajja kufa ekitala, oba enjala oba
kawumpuli. Naye buli afuluma ne yeewaayo eri Abakaludaaya ababazin-
gizza, ajja kuba mulamu, era anaawonya obulamu bwe.
10 Mmaliridde okuleetera ekibuga kino akabi so si mirembe, bw'ayogera
MUKAMA. Kijja kuweebwayo mu mikono gya kabaka w'e Babulooni, era
ajja kukizikiriza n'omuliro.'
11 "N'ekirala gamba ennyumba ya Yuda ey'obwakabaka nti, 'Wulira
ekigambo kya MUKAMA;
12 ggwe ennyumba ya Dawudi,
" 'kino MUKAMA ky'agamba:
Musale emisango mu bwenkanya,
mununule ababa banyagiddwa ababanyigiriza,
obusungu bwange buleme kuvaayo
bubookye ng'omuliro olw'ekibi kye mukoze,
nga tewakyali n'omu abuziyiza.
13 Laba nkugguddeko olutalo,
ggwe Yerusaalemi abeera waggulu w'ekiwonvu,
ku lusozi olwagaagavu olw'ekyaziyazi, bw'ayogera MUKAMA,
mmwe abagamba nti, "Ani ayinza okutulumba?
Ani ayinza okuyingira mu nnyumba zaffe?"
14 Nzija kubabonereza ng'ebikolwa byammwe bwe biri,
era ndikoleeza omuliro mu kibira kyammwe,
gwokye byonna ebikyetoolodde,' "
bw'ayogera MUKAMA.

# 22

*Omusango eri Bakabaka Ababi*

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Serengeta ogende mu lubiri lwa
kabaka wa Yuda
2 olangirire obubaka buno nti, Wulira ekigambo kya Katonda ggwe
kabaka wa Yuda, ggw'atuula ku ntebe ya Dawudi, mmwe abakungu
n'abantu bammwe abayita mu miryango gino.
3 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Musale emisango egy'ensonga, mukole
ebituufu. Anyagiddwako ebibye mumuggye mu mukono gw'oyo amu-
jooga. Temukola kibi oba eby'obukambwe eri omugwira, newaakubadde
atalina kitaawe, newaakubadde nnamwandu so temuyiwa musaayi
gw'abantu abataliiko musango mu kifo kino.
4 Kubanga bwe muneegendereza ne mukuuma ebiragiro bino, olwo
bakabaka abatuula ku ntebe ya Dawudi baliyita mu miryango gy'olubiri
luno nga batudde mu magaali gaabwe n'abo abeebagadde embalaasi nga
bawerekerwako n'abakungu baabwe, n'abantu baabwe.
5 'Naye bwe mutaagondere biragiro bino, nneelayirira ku lwange nti
olubiri luno lulifuuka matongo,' bw'ayogera MUKAMA."
6 Kubanga kino MUKAMA ky'agamba ku lubiri lwa kabaka wa Yuda nti,
"Newaakubadde ng'oli nga Gireyaadi gye ndi,
ng'entikko y'olusozi Lebanooni,
ddala ddala nzija kukufuula ddungu,
ng'ebibuga ebitaliimu bantu.
7 Ndikusindikira abakuzikiriza,
buli musajja n'ebyokulwanyisa bye,
era balitema emivule gyo egisinga obulungi
ne bagisuula mu muliro.
8 "Abantu abava mu mawanga amangi baliyita ku kibuga kino nga
beebuuzaganya bokka ne bokka nti, 'Lwaki MUKAMA yakola ekintu
ekifaanana bwe kiti ku kibuga kino ekikulu bwe kiti?'
9 Era eky'okuddamu kibeere nti, 'Kubanga beerabira endagaano ya
MUKAMA Katonda waabwe ne basinza era ne baweereza bakatonda
abalala.' "
10 Temukaabira kabaka afudde
oba okumukungubagira,
wabula mukaabire nnyo oyo omuwaŋŋanguse,
kubanga taliddayo kulaba nsi ye nate.
11 Kubanga kino MUKAMA ky'agamba ku Sallumu mutabani wa Yosiya
kabaka wa Yuda eyasikira Yosiya n'afuuka kabaka wa Yuda naye
n'atwalibwa. "Talidda.
12 Alifiira eyo gye baamutwala nga musibe, taliraba nsi eno nate."
13 "Zimusanze oyo azimba olubiri ku butali butuukirivu,
ebisenge bye ebya waggulu ku butali bwenkanya
abantu b'ensi ye n'abakozeseza bwereere
n'atabasasula mpeera yaabwe.
14 Agamba nti, 'Nzija kwezimbira olubiri olunene
n'ebisenge ebya waggulu ebigazi ennyo.'
Kale nnaakola amadirisa amanene
nnaateekamu emivule
era nnaasiigako langi emyufu.

15 "Okweyongerayongera emivule emingi kikufuula kabaka?

Kitaawo teyalina byakulya na byakunywa?
Yakola ebituufu eby'obwenkanya.
Noolwekyo byonna
byamugendera bulungi.
16 Yalwanirira abaavu n'abali mu bwetaavu
kale byonna ne bimugendera bulungi.
Ekyo si kye kitegeeza okummanya?"
bw'ayogera MUKAMA.
17 "Naye amaaso gammwe n'emitima gyammwe
biri ku magoba ag'obukuusa,
ne ku kuyiwa omusaayi ogutaliiko musango
ne ku kunyigiriza ne ku kunyaga."
18 Noolwekyo kino MUKAMA ky'ayogera ku Yekoyakimu omwana wa Yosiya
kabaka wa Yuda nti,
"Tebalimukungubagira;
'Kikafuuwe, mukama wange!'
Kikafuuwe,
obugagga bwe!
19 Aliziikibwa
nga bwe baziika endogoyi,
akululwe asuulibwe ebweru w'enzigi za Yerusaalemi."

20 "Genda mu Lebanooni okaabe,
leka eddoboozi lyo liwulirwe mu Basani.
Kaabira ku Abalimu,
kubanga bonna ababadde ku ludda lwo bazikiridde.
21 Nayogera gy'oli ng'okyali mu biseera byo eby'obugagga
naye n'ogamba nti, 'Sijja kuwuliriza!'
Bw'oti bw'obadde okuva mu buto bwo,
togonderanga ku ddoboozi lyange.
22 Empewo erikunguzza abalunzi b'ebisibo byo bonna,
n'abawagizi bo batwalibwe mu buwaŋŋanguse.
Olwo okwatibwe ensonyi
oggweemu amaanyi olw'ebibi byo byonna.
23 Mmwe abali mu Lebanooni,*
abesulira mu bizimbe eby'emivule,
nga mulikaaba, ng'obulumi bubajjidde!
Okulumwa ng'okw'omukazi alumwa okuzaala.
24 "Ddala ddala nga bwe ndi omulamu, wadde ggwe Koniya omwana
wa Yekoyakimu, singa wali mpeta ey'obuyinza ku mukono gwange ogwa
ddyo, nandikusiseeko," bw'ayogera MUKAMA.
25 "Ndikuwaayo eri abo abanoonya obulamu bwo, abo bootya, Nebukad-
duneeza kabaka w'e Babulooni era n'eri Abakaludaaya.
26 Ndikusuula mu nsi endala gye mutaazaalibwa, ggwe ne maama wo
eyakuzaala, era eyo mwembi gye mulifiira.
27 Temulidda mu nsi gye mwegomba okuddamu."
28 Omusajja ono Koniya kintu ekinyoomebwa,
ekimenyese, ekitaliiko ayagala?
Lwaki ye n'abaana be balikanyugibwa ebweru,
basuulibwe mu nsi gye batamanyi?
29 Ayi ggwe ensi, ensi,

* **22:23** lwe lubiri oluli mu Yerusaalemi

wulira ekigambo kya Katonda!
30 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Omusajja ono mumubale ng'atazaalangako
kubanga tewali ku baana be alikulaakulana,
alituula ku ntebe ya Dawudi
oba aliddayo okufuga mu Yuda."

# 23

### *Ettabi Ettukuvu*

1 "Zibasanze abasumba abazikiriza era abasaasaanya endiga z'ekisibo
kyange!" bw'ayogera MUKAMA.
2 Noolwekyo, bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri ebikwata
ku basumba abalabirira abantu bange nti, "Kubanga musaasaanyizza
abantu bange ne mubagoba ne mutabalabirira, nzija kubaleetako ebi-
bonerezo olw'ebibi bye mukoze," bw'ayogera MUKAMA.
3 "Nze kennyini nzija kukuŋŋaanya abaasigalawo ku kisibo kyange
okuva mu mawanga gonna gye nabagobera, mbakomyewo mu kisibo
kyabwe, gye banaabalira ebibala beeyongere obungi.
4 Ndibawa abasumba abanaabalabirira, era tebaliddayo kutya oba
kuggwaamu maanyi, era tewaabe n'omu abula," bw'ayogera MUKAMA.
5 "Ennaku zijja,
lwe ndiyimusiza Dawudi Ettabi ettukuvu,
Kabaka alikulembera n'amagezi
akole ebituufu eby'obwenkanya mu nsi," bwayogera MUKAMA.
6 Mu mirembe gye, Yuda alirokolebwa
ne Isirayiri alibeera mu mirembe.
Lino lye linnya lye balimuyita:
MUKAMA Obutukuvu Bwaffe.
7 "Noolwekyo ennaku zijja, abantu lwe batalyogera nate nti, 'Ddala nga
MUKAMA bwali omulamu eyaggya Abayisirayiri mu Misiri,' bwayogera
MUKAMA,
8 naye bagambe nti, 'Ddala nga MUKAMA bw'ali omulamu, eyaggya abaana
ba Isirayiri mu nsi ey'omu bukiikakkono era ne mu nsi zonna gye yali
abagobedde.' Olwo balibeera mu nsi yaabwe ku bwabwe," bw'ayogera
MUKAMA.

### *Bannabbi Abalimba*

9 Ebikwata ku bannabbi:
omutima gwange gwennyise mu nda yange
amagumba gange gonna gakankana,
nninga omusajja omutamiivu,
ng'omusajja afugiddwa omwenge,
ku lwa MUKAMA
n'ebigambo bye ebitukuvu.
10 Ensi ejjudde abenzi;
olw'ekikolimo ensi esigadde nkalu
era n'amalundiro g'omu ddungu meereere.
Bannabbi bagoberera amakubo amabi
era bakozesa obuyinza bwabwe mu butali bwenkanya.

11 "Nnabbi ne kabona bombi tebalina Katonda,
ne mu yeekaalu yange mbasanze nga bakoleramu ebibi,"
bw'ayogera MUKAMA.

12 “Noolwekyo amakubo gaabwe gajja kuseerera
era bajja kusuulibwa mu kizikiza
era eyo gye baligwira.
Ndibaleetako okuzikirira
mu mwaka gwe balibonerezebwamu,”
bw’ayogera MUKAMA.

13 “Mu bannabbi b’e Samaliya
nalaba ekintu kino ekyenyinyalwa.
Balagulira wansi wa Baali
ne babuza abantu bange Isirayiri.
14 Era ne mu bannabbi ba Yerusaalemi
ndabye ekintu ekibi ennyo.
Bakola eby’obwenzi ne batambulira mu bulimba.
Bagumya abo abakozi b’ebibi
ne wataba n’omu ava mu kwonoona kwe.
Bonna bali nga Sodomu gye ndi;
abantu ba Yerusaalemi bali nga Ggomola.”
15 Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye ebikwata
ku bannabbi nti,
“Nzija kubaliisa emmere ekaawa
banywe amazzi ag’obutwa,
kubanga okuva mu bannabbi ba Yerusaalemi,
obutatya Katonda bubunye mu nsi yonna.”
16 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’eggye nti,
“Temuwuliriza bannabbi bye babategeeza:
babajjuza essuubi ekyamu.
Boogera ebirooto ebiva mu mitima gyabwe,
so si ebiva mu kamwa ka MUKAMA Katonda.
17 Bagamba abo abannyooma nti,
‘MUKAMA Katonda agamba onoobeera n’emirembe.’
Abo abagoberera obukakanyavu bw’emitima gyabwe
babagamba nti, ‘Tewali kabi kanaakujjira.’
18 Naye ani ku bo
eyali abadde mu lukiiko lwa MUKAMA Katonda okulaba
oba okuwulira ekigambo kye?
19 Laba, omuyaga gwa MUKAMA
gujja kubwatuka n’ekiruyi,
empewo ey’akazimu
eyetooloolera ku mitwe gy’abakozi b’ebibi.
20 Obusungu bwa MUKAMA tebujja kukoma
okutuusa ng’amaze okutuukiriza
ekigendererwa ky’omutima gwe.
Mu nnaku ezijja, mujja kukitegeera bulungi.
21 Situmanga bannabbi bano,
songa bagenda
badduka n’obubaka buno,
era sogeranga nabo,
songa bategeeza obunnabbi.
22 Naye singa bayimirira mu maaso gange,
bandibuulidde abantu bange ebigambo byange,
era bandibaggye mu makubo gaabwe amabi
era ne mu bikolwa byabwe ebibi.

23 “Ndi Katonda abeera okumpi wokka,
so si abeera ewala?”
bw’ayogera MUKAMA.

24 “Omuntu ayinza okwekweka mu bifo eby’ekyama
ne sisobola kumulaba?”
bw’ayogera MUKAMA.
“Sijjuza eggulu n’ensi?”
bw’ayogera MUKAMA.

25 “Mpulidde bannabbi aboogera eby’obulimba mu linnya lyange.
Bagamba nti, ‘Naloose! Naloose!’
26 Kino kinaakoma ddi mu mitima gy’abo bannabbi b’obulimba,
abategeeza eby’obulimba ebiva ku mitima gyabwe?
27 Balowooza nti ebirooto bye balootolola bannaabwe bijja kuleetera
abantu bange okwerabira erinnya lyange, nga bakitaabwe bwe beerabira
erinnya lyange nga basinza Baali.
28 Nnabbi alina ekirooto ayogere ekirooto kye, n’oyo alina ekigambo
kyange akyogere mu bwesigwa. Kubanga ebisusunku birina nkolagana
ki n’eŋŋaano?” bw’ayogera MUKAMA.
29 “Ekigambo kyange tekiri nga muliro, ng’ennyondo eyasaayasa ol-
wazi?” bw’ayogera MUKAMA.
30 “Noolwekyo, ndi mulabe wa bannabbi ababbiŋŋanako ebigambo
ebiva gye ndi,” bw’ayogera MUKAMA.
31 “Weewaawo,” bw’ayogera MUKAMA, “saagalira ddala bannabbi abayo-
gerayogera nga bagamba nti, ‘Bw’atyo MUKAMA bw’agamba.’
32 Ddala ddala ndi mulabe w’abo abawa obunnabbi bw’ebirooto
ebikyamu. Babyogera ne babuza abantu bange n’obulimba bwabwe
obutaliimu, ate nga saabatuma wadde okubateekawo. Tebalina kye
bayamba bantu bano n’akatono,” bw’ayogera MUKAMA.

### *Obubaka Obukyamu ne Bannabbi Aboobulimba*

33 “Abantu bano, oba nnabbi oba kabona bw’abuuza nti, ‘Bubaka ki
MUKAMA bw’atutumye?’ Bagambe nti, ‘Bubaka ki? Nzija kubabuulira,
bw’ayogera MUKAMA.’
34 Nnabbi, oba kabona oba omuntu yenna bw’agamba nti, ‘Buno bwe
bubaka bwa MUKAMA,’ Nzija kubonereza omusajja oyo n’ab’omu maka
ge.
35 Kino buli omu ky’anagamba mikwano gye oba ab’eŋŋanda ze.
‘MUKAMA, azeemu ki? Oba kiki MUKAMA ky’ayogedde?’
36 Naye temuddayo kugamba nti, ‘Buno bwe bubaka bwa MUKAMA,’
kubanga buli kigambo kya muntu kifuuka bubaka bwe era mukyusa
ebigambo bya Katonda omulamu, MUKAMA ow’Eggye, Katonda waffe.
37 Kino kye munaabuuza nnabbi nti, ‘Kiki MUKAMA kyakuzzeemu?’ Oba
nti, ‘MUKAMA, agambye ki?’
38 Naye era mujja kugamba nti, ‘Buno bwe bubaka MUKAMA bwatu-
tumye,’ wadde nga nabagamba nti, Temusaanye kwogera nti, ‘Buno bwe
bubaka bwa MUKAMA,’
39 kyenaava mbagobera ddala mu maaso gange ne mu kibuga ekyo kye
nabawa, mmwe ne bakitammwe.
40 Ndibaleetako ekivume ekitaliggwaawo, n’ensonyi ez’olubeerera ebita-
genda kwerabirwa.”

# 24

*Ebibbo by’Emitiini*

1 Yekoyakini mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda n’abakungu, n’abaweesi n’abafundi ba Yuda bwe baatwalibwa kabaka Nebukadduneeza mu buwaŋŋanguse mu Babulooni okuva mu Yerusaalemi, Mukama yandaga ebibbo bibiri eby’emitiini nga biteekeddwa mu maaso ga yeekaalu ya Mukama.

2 Ekibbo ekimu kyalimu ettiini nga nnungi nnyo ng’eyo esooka okwengera, n’ekibbo ekirala kyalimu ettiini nga mbi nnyo, ezitayinza kuliika.

3 Mukama n’ambuuza nti, “Olaba ki Yeremiya?” Ne muddamu nti, “Ndaba ettiini. Ennungi nga nnungi nnyo naye embi nga mbi nnyo ezitayinza kuliika.”

4 Awo ekigambo kya Mukama ne kinzijira nti,

5 “Bw’ati bw’ayogera Mukama, Katonda wa Isirayiri nti, ‘Ng’ettiini zino ennungi, ndaba nti abawaŋŋanguse b’omu Yuda balungi, be natwala okuva mu kifo kino eri mu nsi ey’Abakaludaaya.

6 Amaaso gange gajja kubalabirira olw’obulungi bwabwe, era nzija kubakomyawo mu nsi eno. Nzija kubazimba era nneme kubamenyaamenya: nzija kubasimba nneme kubakuula.

7 Ndibawa omutima bammanye, nti nze Mukama. Balibeera bantu bange, nange ndibeera Katonda waabwe, kubanga balidda gye ndi n’omutima gwabwe gwonna.

8 “ ‘Naye ng’ettiini embi, embi ennyo ezitayinzika kuliika, bwe ntyo bwe nnaakola Zeddekiya kabaka wa Yuda, n’abakungu be n’abo abaasigalawo mu Yerusaalemi, oba abaasigalawo mu nsi eno oba abo ababeera mu Misiri,’ bw’ayogera Mukama.

9 ‘Ndibafuula kyennyinnyalwa era eky’omuzizo eri amawanga g’ensi, eky’okusekererwa era olugero obugero, ekintu eky’okusekererwa era eky’okukolimirwanga yonna gye nnaabagoberanga.

10 Ndireeta ekitala, n’ekyeya, ne kawumpuli okubalumba okutuusa lwe balizikirira babule ku nsi gye nabawa ne bakitaabwe.’ ”

# 25

*Emyaka Nsanvu egy’Obusibe*

1 Ekigambo ekikwata ku bantu bonna aba Yuda ne kijjira Yeremiya mu mwaka ogwokuna ogw’obufuzi bwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, ogwali omwaka ogusooka ogw’obufuzi bwa kabaka Nebukadduneeza mu bwakabaka bwa Babulooni.

2 Awo Yeremiya nnabbi n’agamba abantu bonna aba Yuda n’abantu bonna abaali mu Yerusaalemi nti,

3 Okuva mu mwaka ogw’ekkumi n’esatu ogw’obufuzi bwa Yosiya mutabani wa Amoni kabaka wa Yuda, gy’emyaka amakumi abiri mu esatu okutuusa leero, ekigambo kya Mukama kizze gye ndi era njogedde gye muli emirundi mingi, naye temufuddeeyo.

4 Newaakubadde nga Mukama abaweerezza bannabbi be emirundi mingi, temuwulirizza wadde okufaayo.

5 Babagamba nti, “Mukyuke kaakano, buli omu ku mmwe okuva mu bikolwa bye ebibi, mulyoke musigale mu nsi Mukama gye yabawa mmwe ne bakitammwe emirembe gyonna.

6 Temugoberera bakatonda balala, temubaweereza wadde okubasinza;
temunsunguwaza olw'ekyo emikono gyammwe kye gyakola, nneme
okubakolako obulabe."
7 "Naye temwampuliriza, mwansunguwaza n'ekyo kye mwakola
n'emikono gyammwe, era ne mwereetera akabi," bw'ayogera MUKAMA
Katonda.
8 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Kubanga temuwulirizza bigambo byange,
9 nzija kukoowoola abantu bonna ab'omu bukiikakkono n'omuddu
wange Nebukadduneeza, balumbe ensi eno n'abantu baamu era n'ensi
zonna ezibeetoolodde. Nzija kuzizikiririza ddala nzifuule ekintu
eky'entiisa era eky'okusekererwa, era zoonoonekere ddala.
10 Ndibagobako eddoboozi ery'essanyu era n'okujaguza, eddoboozi
ery'awasa omugole n'ery'omugole, eddoboozi ly'olubengo n'okwaka
kw'ettaala.
11 Ensi eno yonna ejja kufuuka matongo, n'amawanga gano gajja
kuweereza kabaka w'e Babulooni emyaka nsanvu.
12 "Naye emyaka ensanvu bwe giriggwako, ndibonereza kabaka w'e
Babulooni n'eggwanga lye, ensi ya Babulooni olw'ekibi kyabwe, ngifuule
matongo emirembe gyonna," bw'ayogera MUKAMA.
13 "Ndireeta ku nsi eno ebintu byonna bye njogeddeko, ebyo byonna
ebiwandiikiddwa ku muzingo guno era ne Yeremiya byategeezezza
amawanga gano gonna.
14 Bo bennyini balifuulibwa baddu ba mawanga mangi era baddu
ba bakabaka ab'ekitiibwa; ndibasasula ng'ebikolwa byabwe bwe biri
n'emirimu gy'emikono gyabwe bwe giri."

### *Ekikopo ky'Obusungu bwa MUKAMA*

15 Bw'ati MUKAMA, Katonda wa Isirayiri bwe yaŋŋamba nti, "Twala
ekikopo kino, okuva mu mukono gwange, ekijjudde wayini ow'obusungu
bwange, okinywese amawanga gonna gye nnaakutuma okukibanywesa.
16 Bwe banaakinywa, bajja kugwa eddalu batagale olw'ekitala kye
nnaabasindikamu."
17 Awo ne ntwala ekikopo okuva mu Mukono gwa MUKAMA ne nkitwala
eri amawanga gonna gye yantuma okukibanywesa;

18 Yerusaalemi n'ebibuga bya Yuda, ne bakabaka baabyo n'abakungu
basaanewo era bafuuke ekintu eky'entiisa n'okuzikirira,
n'okusekererwa n'ekikolimo nga bwe bali kaakano.
19 Falaawo, ye kabaka w'e Misiri, ne bakalabaalaba be, n'abakungu be
n'abantu be bonna,
20 n'abagwira bonna abaaliyo;
bakabaka ba Uzi bonna,
ne bakabaka b'Abafirisuuti bonna, abo ab'e Asukulooni, n'e Gaza, n'e
Ekuloni, n'abantu abaalekebwa e Asudodi,
21 n'e Edomu, n'e Mowaabu n'e Ammoni,
22 bakabaka bonna ab'e Tuulo ne Sidoni, bakabaka ab'oku lubalama
ng'osomose ennyanja;
23 Dedani, n'e Teema, n'e Buuzi n'abo bonna abali mu bifo eby'ewala,
24 ne bakabaka bonna ab'e Buwalabu, ne bakabaka b'abannamawanga
ababeera mu ddungu;
25 ne bakabaka bonna ab'e Zimuli, n'e Eramu n'e Meedi;

26 n’abo bonna bakabaka ab’omu bukiikakkono, abeewala, n’ab’okumpi,
omu ku omu, obwakabaka bwonna obuli ku nsi.
Oluvannyuma lwabo kabaka w’e Sesaki naye balikinywa.

27 “Era onoobagamba nti, ‘Bw’atyo bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye,
Katonda wa Isirayiri nti, Munywe mutamiire, museseme, mugwe muleme
kuddayo kusituka olw’ekitala ekyo kye ŋŋenda okusindika mu mmwe.’
28 Naye bwe bagaana okuggya ekikopo mu mukono gwo okukinywa,
bagambe nti, ‘Kino MUKAMA Katonda ow’Eggye ky’agamba nti, Muteekwa
okukinywa!
29 Laba, ntandika okuzikiriza ekibuga ekiyitibwa Erinnya lyange, ddala
munaagenda nga temubonerezeddwa? Mujja kubonerezebwa kubanga
nkoowoola ekitala kikke ku abo bonna abali ku nsi, bw’ayogera MUKAMA
Katonda ow’Eggye.’
30 “Kaakano bategeeze ebigambo bino byonna obagambe nti,
“ ‘MUKAMA Katonda anaayogerera waggulu,
era anaayimusa eddoboozi lye okuva mu kifo kye ekitukuvu
awulugume n’amaanyi mangi nnyo ng’awakanya bonna abali mu nsi.
Ajja kuleekaana ng’abasogozi abasamba emizabbibu,
ng’aleekaanira abo abali ku nsi.
31 Eddoboozi lye liriwulirwa n’ensi gy’ekoma.
Kubanga MUKAMA alisalira amawanga emisango gy’abavunaana,
alisalira abantu bonna omusango, atte ababi n’ekitala,’ ”
bw’ayogera MUKAMA.
32 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye nti,
“Laba okuzikirira kugenda kusaasaana kuva nsi ku nsi;
enkuba ey’amaanyi ejja kuva ku nkomerero y’ensi.”
33 Mu kiseera ekyo abo abattiddwa MUKAMA bajja kubeera buli wamu
okuva ku nsonda emu ey’ensi okutuuka ku ndala. Tebajja kukun-
gubagirwa wadde okukuŋŋaanyizibwa oba okuziikibwa, naye banaaba
ng’obusa obulekeddwa ku ttaka.
34 Mukaabe mulaajane mmwe abasumba,
mwevulunge mu ttaka, mmwe abakulu b’ebisibo.
Kubanga obudde bwammwe obw’okuttibwa butuuse
mujja kugwa mubetentebwe ng’ebibya eby’ebbumba.
35 Abasumba tebaabeeko na buddukiro,
n’abakulu b’ebisibo tebaabeeko na wa kwekweka.
36 Muwulire okukaaba kw’abasumba,
okwaziirana kw’abanannyini b’ebisibo,
kubanga MUKAMA alizikiriza amalundiro gaabwe.
37 Amalundiro amalungi galifuuka matongo
olw’obusungu bwa MUKAMA obubuubuuka.
38 Ajja kuleka ekisulo kye
ng’empologoma bw’eva w’esula,
n’ensi yaabwe ejja kusigala njereere olw’ekitala ky’omulumbaganyi
era n’olw’obusungu bwa MUKAMA obw’entiisa.

# 26

*Yeremiya Atiisibwatiisibwa Okuttibwa*

1 Awo Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nga yakalya
obwakabaka, ekigambo kino kyajja okuva eri MUKAMA.

2 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, Yimirira mu luggya lw’ennyumba ya
MUKAMA oyogere eri abantu bonna ab’ebibuga bya Yuda abazze okusinza
mu nnyumba ya MUKAMA. Bagambe byonna bye nkulagira; tobaako na
ky’olekayo.
3 Oboolyawo banaawulira, buli muntu n’akyuka okuva mu makubo
ge amabi. Olwo nnejjuse nneme kubaleetako kikangabwa kyembadde
ntegeka olw’okwonoona kwabwe.
4 Bagambe, bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Bwe mutampulirize ne
mugoberera amateeka gange ge mbawadde,
5 era bwe mutaawulirize bigambo bya baddu bange bannabbi, be
mbatumidde emirundi emingi wadde nga temubafuddeeko,
6 ndifuula enju eno nga Siiro era n’ekibuga kino ng’ekintu
eky’okukolimirwa mu mawanga ag’ensi.’ ”
7 Bakabona ne bannabbi n’abantu bonna ne bawulira Yeremiya
ng’ayogera ebigambo bino mu nnyumba ya MUKAMA.
8 Naye nga Yeremiya ya kamaliriza okubuulira abantu bonna ebintu
byonna MUKAMA bye yali amulagidde okwogera, bakabona ne bannabbi,
n’abantu bonna ne bamukwata ne bagamba nti, “Oteekwa okufa!
9 Lwaki oyogera ebyobunnabbi mu linnya lya MUKAMA nti, Ennyumba
eno eneebeera nga Siiro, n’ekibuga kino kinaakubwa kisigale matongo?”
Awo abantu bonna ne beetooloola Yeremiya mu nnyumba ya MUKAMA.
10 Awo abakungu ba Yuda bwe baawulira ebigambo bino, ne bava mu
lubiri ne bambuka mu nnyumba ya MUKAMA ne batuula mu bifo byabwe
awayingiririrwa ku Mulyango Omuggya ogw’ennyumba ya MUKAMA.
11 Awo bakabona ne bannabbi ne bagamba abakungu n’abantu bonna
nti, “Omusajja ono asaana kusalirwa musango gwa kufa kubanga
ayogedde ebyobunnabbi ebibi ku kibuga kino. Mukiwulidde n’amatu
gammwe gennyini.”
12 Awo Yeremiya n’agamba abakungu bonna n’abantu bonna nti,
“MUKAMA yantuma njogere ebyobunnabbi bwe bityo ku nnyumba eno
n’ekibuga kino ebintu byonna bye muwulidde.
13 Kaakano mukyuse amakubo gammwe n’ebikolwa byammwe mu-
gondere MUKAMA Katonda wammwe. Olwo MUKAMA anaakyusa n’ataleeta
bikangabwa by’aboogeddeko.
14 Nze, ndi mu mikono gyammwe; munkole kyonna kye mulowooza nga
kye kirungi era kye kituufu.
15 Mumanyire ddala nno nti bwe munzita, mujja kwereetako omusango
gw’okuyiwa omusaayi ogutalina musango, mmwe n’ekibuga kino n’abo
abakibeeramu, kubanga eky’amazima MUKAMA ye yantumye okwogera
gye muli ebigambo bino byonna mubiwulire.”
16 Awo abakungu n’abantu bonna ne bagamba bakabona ne bannabbi
nti, “Omusajja ono tasaana kusalirwa musango gwa kufa! Ayogedde naffe
mu linnya lya MUKAMA Katonda waffe.”
17 Abamu ku bakadde ne bavaayo ne bajja mu maaso ne boogera eri
ekibiina kyonna eky’abantu nti,
18 “Mikka ow’e Moreseesi yawa obunnabbi mu nnaku za Keezeekiya
kabaka wa Yuda. Yagamba abantu bonna aba Yuda nti, ‘Bw’ati bw’ayogera
MUKAMA Katonda ow’Eggye nti,
“ ‘Sayuuni ajja kulimibwa ng’ennimiro,
Yerusaalemi ajja kufuuka ntuumu ya mafunfugu,
olusozi lwa yeekaalu, lufuuke akasozi akamezeeko ebisaka.’

19 Keezeekiya oba omuntu omulala yenna mu Yuda, yamutta? Keezeekiya
teyatya MUKAMA n'anoonya ekisa kye? Era MUKAMA teyakyusa n'ataleeta
kuzikirira kwe yali agambye okubaleetako? Naye tunaatera okwereetera
obulabe obw'amaanyi!"
20 Waaliwo omusajja omulala Uliya omwana wa Semaaya ow'e Kiriya-
suyalimu, eyawa obunnabbi mu linnya lya MUKAMA. Yawa obunnabbi bwe
bumu ng'obwa Yeremiya obugugumbula ekibuga kino era n'ensi eno.
21 Wabula kabaka Yekoyakimu n'abakungu be bonna n'abasajja be
n'ab'obuyinza, bwe baawulira ebigambo bye, kabaka n'amunoonya
okumutta, naye Uliya bwe yakiwulira n'atya n'addukira e Misiri.
22 Awo kabaka Yekoyakimu n'atuma Erunasani mutabani wa Akubooli
n'abasajja abawerako,
23 ne baggya Uliya e Misiri ne bamutwala eri kabaka Yekoyakimu,
eyalagira attibwe n'ekitala omulambo gwe ne gusuulibwa mu kifo
ekiziikibwamu ekya lukale.
24 Akikamu mutabani wa Safani n'awolereza Yeremiya n'amuwagira
n'ataweebwayo eri bantu kuttibwa.

# 27

### *Yuda Alibeera Muddu wa Nebukadduneeza*

1 Ku ntandikwa y'obufuuzi bwa Zeddekiya mutabani wa Yosiya kabaka
wa Yuda, ekigambo kino kyajjira Yeremiya okuva eri MUKAMA:
2 Bw'ati MUKAMA bwe yaŋŋamba nti: "Weekolere ekikoligo okiteeke ku
nsingo yo,
3 oweereze ekigambo eri bakabaka ba Edomu, ne Mowaabu, ne Ammoni,
ne Tuulo ne Sidoni, ng'otuma ababaka abazze mu Yerusaalemi eri
Zeddekiya kabaka wa Yuda.
4 Tumira bakama baabwe obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, "Kino mukitegeeze bakama bammwe.
5 N'amaanyi gange amangi n'omukono ogugoloddwa natonda ensi
n'abantu baamu n'ensolo ezigiriko, era ngiwa omuntu yenna gwe njagala.
6 Kaakano ŋŋenda kuwaayo amawanga gammwe eri omuddu wange
Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni, n'ensolo ez'omu nsiko nzija
kuziteeka wansi we.
7 Amawanga gonna galimuweereza ne mutabani we ne muzzukulu we
okutuusa ekiseera eky'ensi ye okusalirwa omusango lwe kirituuka; olwo
amawanga mangi ne bakabaka bangi ab'amaanyi balimuwangula.
8 " ' "Naye singa eggwanga lyonna oba obwakabaka bwonna tebu-
liweereza Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni oba okuteeka en-
singo wansi w'ekikoligo ky'abwo, nzija kubonereza ensi eyo n'ekitala,
n'ekyeya, ne kawumpuli, bw'ayogera MUKAMA, okutuusa lwe ndigizikiriza
n'omukono gwange.
9 Noolwekyo bannabbi bammwe, n'abalaguzi, n'abavvuunuzi
b'ebirooto, temubawuliriza wadde abalogo wadde abafumu ababagamba
nti, 'Temulibeera baddu ba kabaka w'e Babulooni.'
10 Baababawa bunnabbi bwa bulimba obunaabaleetera okutwalibwa
ewala okuva mu mawanga gammwe. Ndibagobera wala era mulizikirira.
11 Naye singa eggwanga lirikutamya ensingo yaalyo wansi w'ekikoligo
kya kabaka w'e Babulooni limuweereze, nzija kuleka eggwanga eryo lisi-
gale mu nsi yaalyo, okugirima, n'okugibeeramu, bw'ayogera MUKAMA." ' "

12 Nategeeza obubaka bwe bumu eri Zeddekiya kabaka wa Yuda nga
ŋŋamba nti, “Kutamya ensingo yo wansi w’ekikoligo kya kabaka w’e
Babulooni, beera omuddu we n’abantu be, onoobeera mulamu.
13 Lwaki ggwe n’abantu bo mufa ekitala, n’ekyeya ne kawumpuli
MUKAMA by’agambye okutuuka ku nsi yonna eteefuuke muddu wa kabaka
w’e Babulooni?
14 Towuliriza bigambo bya bannabbi abakugamba nti, ‘Tolibeera muddu
wa kabaka w’e Babulooni,’ kubanga bakutegeeza bya bulimba.
15 ‘Sibatumanga,’ bw’ayogera MUKAMA. ‘Bawa obunnabbi bwa bulimba
mu linnya lyange. Noolwekyo, nzija kubagobera wala muzikirire, mmwe
ne bannabbi ababategeeza obunnabbi.’ ”
16 Olwo ne ŋŋamba bakabona n’abantu bano bonna nti, “Kino MUKAMA
ky’agamba nti, Temuwuliriza bannabbi abagamba nti, ‘Amangu ddala
ebintu by’omu nnyumba ya MUKAMA bijja kukomezebwawo okuva mu
Babulooni.’ Bababuulira bunnabbi bwa bulimba.
17 Temubawuliriza. Muweereze kabaka w’e Babulooni, mubeere
balamu. Lwaki ekibuga kino kifuuka amatongo?
18 Bwe baba bannabbi nga balina ekigambo kya MUKAMA, leka
bakaabirire MUKAMA Katonda ow’Eggye nti ebintu eby’omuwendo
ebikyasigadde mu nnyumba ya MUKAMA ne mu lubiri lwa kabaka wa Yuda
ne mu Yerusaalemi bireme kutwalibwa Babulooni.
19 Kubanga bw’ati MUKAMA Katonda ow’Eggye bw’ayogera ku mpagi,
n’Ennyanja, okuteekebwa ebintu, n’ebintu ebirala ebisigadde mu kibuga
kino,
20 kabaka Nebukadduneeza ow’e Babulooni by’ataatwala lwe yatwala
Yekoyakini mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda n’abakungu bonna
aba Yuda ne Yerusaalemi.
21 Bw’atyo bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri ku
bikwata ku bibya ebyasigala mu nnyumba ya MUKAMA ne mu lubiri olwa
kabaka wa Yuda ne mu Yerusaalemi nti,
22 ‘Biritwalibwa mu Babulooni eyo gye birisigala okutuusa ku lunaku
lwe ndibikima, olwo ndibikomyawo mbizze mu kifo kino,’ ” bw’ayogera
MUKAMA.

# 28

*Kananiya Nnabbi ow’Obulimba*

1 Mu mwezi ogwokutaano ogw’omwaka gwe gumu, gwe mwaka og-
wokuna, obufuzi bwa Zeddekiya kabaka wa Yuda nga bw’akatandika,
nnabbi Kananiya omwana wa Azuri eyali abeera e Gibyoni n’aŋŋambira
mu nnyumba ya MUKAMA nga bakabona n’abantu bonna we bali nti,
2 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, ‘Nzija
kumenya ekikoligo kya kabaka w’e Babulooni.
3 Emyaka ebiri nga teginnaggwaako, ndikomyawo ebintu by’omu
nnyumba ya MUKAMA mu kifo kino, Nebukadduneeza kabaka w’e Bab-
ulooni bye yaggya wano n’abitwala e Babulooni.
4 Era ndikomyawo wano Yekoyakini mutabani wa Yekoyakimu kabaka
wa Yuda n’abantu abalala bonna abaava mu Yuda abaatwalibwa e Bab-
ulooni,’ bw’ayogera MUKAMA, ‘kubanga ndimenya ekikoligo kya kabaka
w’e Babulooni.’ ”
5 Awo nnabbi Yeremiya n’addamu mu bunnabbi bwa Kananiya nga ne
bakabona n’abantu bonna we bali bayimiridde mu nnyumba ya MUKAMA,
n’agamba nti,

6 “Amiina! Bw’atyo MUKAMA bw’aba akola! MUKAMA atuukirize
ebigambo by’oyogedde ng’akomyawo ebintu eby’omu nnyumba ya
MUKAMA era n’abawambe bonna abakomyewo mu kifo kino okuva mu
Babulooni.
7 Wabula, wuliriza kye ŋŋenda okwogera ng’owuliriza n’abantu bano
bonna nga bawulira.
8 Okuva edda n’edda bannabbi abaatusooka, ggwe nange baategeezanga
kubaawo kwa ntalo, na bikangabwa na kawumpuli okugwa ku mawanga
n’obwakabaka obw’amaanyi.
9 Naye nnabbi eyategeeza obunnabbi obw’emirembe ajja kulabibwa nga
ddala atumiddwa MUKAMA era ng’obubaka bw’ategeeza butuukiridde.”
10 Awo nnabbi Kananiya n’alyoka akwata ekikoligo ekyali ku nsingo ya
Yeremiya n’akimenya,
11 n’alyoka ayogera eri abantu bonna nti, “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA
nti, ‘Mu ngeri y’emu bw’eti, bwe ndimenya ekikoligo ekya Nebukad-
duneeza kabaka w’e Babulooni okuva ku mawanga gonna mu myaka
ebiri.’ ” Naye ye nnabbi Yeremiya n’avaawo ne yeetambulira.
12 Bwe waayitawo ebbanga ttono nga nnabbi Kananiya amenye ekikoligo
ku nsingo ya Yeremiya, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,
13 “Genda ogambe Kananiya nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
Omenye ekikoligo kya muti naye mu kifo kyakyo ojja kufunamu kikoligo
kya kyuma.
14 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
Nditeeka ekikoligo eky’ekyuma mu nsingo z’amawanga gano gonna
baweereze Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni era balimuweereza.
Ndimuwa obuyinza n’ensolo azifuge.’ ”
15 Awo nnabbi Yeremiya n’agamba nnabbi Kananiya nti, “Wuliriza,
Kananiya! MUKAMA tannakutuma naye ggwe owalirizza eggwanga lino
okwesiga obulimba.
16 Noolwekyo kino MUKAMA kyagamba nti, ‘Ndikumpi okukuggya ku
nsi. Omwaka guno gwennyini ogenda kufa, kubanga oyigirizza abantu
okujeemera MUKAMA.’ ”
17 Mu mwezi ogw’omusanvu ogw’omwaka gwe gumu, Kananiya n’afa.

# 29

*Ebbaluwa eri Abawaŋŋanguse*

1 Bino bye byali mu bbaluwa nnabbi Yeremiya gye yaweereza okuva
mu Yerusaalemi eri abakadde abaali bakyasigaddewo mu bawaŋŋanguse
n’eri bakabona, ne bannabbi n’abantu bonna Nebukadduneeza be yali
atutte mu buwaŋŋanguse mu Babulooni okuva mu Yerusaalemi.
2 Kino kyaliwo nga kabaka Yekoyakini n’abakungu be ne Namasole we
n’abakulembeze ba Yuda ne Yerusaalemi, n’abafundi n’abaweesi bonna
baggyiddwa mu Yerusaalemi.
3 Ebbaluwa yagiwa Erasa mutabani wa Safani ne Bemaliya mutabani
wa Kirukiya, ne Zeddekiya kabaka wa Yuda be yatuma eri kabaka
Nebukadduneeza mu Babulooni. Yali egamba bw’eti nti,
4 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri,
ng’agamba abo bonna be natwala mu buwaŋŋanguse okuva mu
Yerusaalemi okugenda mu Babulooni nti,
5 “Mwezimbire amayumba mutuule omwo; mulime ennimiro mulye
ebibala byamu.

6 Muwase muzaale abaana aboobulenzi n’aboobuwala; muwasize
batabani bammwe abakazi, ne bawala bammwe mubafumbize, nabo
bazaale abaana abalenzi n’abawala. Mweyongere obungi eyo, temuk-
endeera.
7 Era munoonye emirembe n’okukulaakulana kw’ekibuga gye mbat-
utte mu buwaŋŋanguse. Musabenga Mukama, ekibuga mukisabire
kubanga bwe kikulaakulana nammwe mujja kukulaakulana.”
8 Ddala kino Mukama ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri ky’agamba nti,
“Temukkiriza bannabbi n’abalaguzi abali mu mmwe kubalimbalimba.
Temussaayo mwoyo ku birooto byabwe bye babalootolola.
9 Babategeeza obunnabbi bwa bulimba mu linnya lyange. Sibatu-
manga,” bw’ayogera Mukama.
10 Ddala ddala bw’ati bw’ayogera Mukama nti, “Emyaka nsanvu nga
giweddeko e Babulooni, ndijja gye muli ntuukirize ekisuubizo kyange
eky’ekisa mbakomyewo mu kifo kino.
11 Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka
ez’okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez’okubawa
essuubi era n’obulamu obw’omu maaso,” bw’ayogera Mukama.
12 “Awo mulimpita ne mujja ne munsaba, nange ne mbawulira,”
bw’ayogera Mukama.
13 “Mulinnoonya ne mundaba bwe mulinnoonya n’omutima
gwammwe gwonna.
14 Mulinzuula era ndibakomyawo okubaggya mu buwaŋŋanguse.
Ndibakuŋŋaanya mu mawanga gonna n’ebifo byonna, gye nabagob-
era, era ndibakomyawo mu kifo mwe nabaggya okubatwala mu
buwaŋŋanguse,” bw’ayogera Mukama.
15 Muyinza okugamba nti, “Mukama atuyimusirizza bannabbi mu
Babulooni.”
16 Naye kino Mukama ky’agamba ku kabaka atuula ku ntebe ya
Dawudi n’abantu bonna abaasigala mu kibuga kino, n’abantu ab’ensi
yammwe abataagenda nammwe mu buwaŋŋanguse.
17 Bw’ati bwayogera Mukama Katonda ow’Eggye nti, “Ndisindika
ekitala, n’enjala ne kawumpuli okubalumba era mbafuule ng’emitiini
emibi ennyo egitayinza kuliika olw’obubi bwagyo.
18 Ndibagoberera n’ekitala, n’enjala ne kawumpuli ne mbafu-
ula ekyenyinyalwa eri obwakabaka bwonna obw’ensi era ekikolimo
n’ekikangabwa, n’eky’okusekererwa n’okuvumwa eri amawanga gonna
gye ndibagobera.
19 Kubanga tebaawuliriza bigambo byange,” bwayogera Mukama,
“ebigambo bye nabatumira emirundi emingi mu baweereza bange
bannabbi. Era nammwe abawaŋŋanguse temuwulirizza,” bw’ayogera
Mukama.
20 Noolwekyo, muwulirize ekigambo kya Mukama, mmwe mwenna
abali mu buwaŋŋanguse be nagoba mu Yerusaalemi okugenda mu
Babulooni.
21 Kino Mukama ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri, ky’ayogera ku
Akabu mutabani wa Kolaya ne Zeddekiya mutabani wa Maaseya, abaawa
obunnabbi mu linnya lyange nti, “Ndibawaayo eri Nebukadduneeza
kabaka w’e Babulooni, abatte nga mulaba.
22 Olw’abasajja abo, abali mu buwaŋŋanguse bonna abaava mu Yuda
abali mu Babulooni balikozesa ekikolimo kino nti, ‘Mukama akukole nga
bwe yakola Zeddekiya ne Akabu, kabaka w’e Babulooni be yayokya mu
muliro.’

23 Kubanga bakoze eby'ekivve mu Isirayiri; bakoze obwenzi ne baka
baliraanwa baabwe era ne boogera eby'obulimba mu linnya lyange,
bye sibagambanga kwogera. Nkimanyi era ndi mujulirwa ku ekyo,"
bw'ayogera MUKAMA.

*Obubaka eri Semaaya*

24 Semaaya Omunekeramu mugambe nti,
25 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
Waweereza ebbaluwa mu mannya go eri abantu bonna mu Yerusaalemi,
eri Zeffaniya mutabani wa Maaseya kabona ne bakabona bonna.
Wagamba Zeffaniya nti,
26 'MUKAMA yakuteekawo okuba kabona mu kifo kya Yekoyaada okut-
wala obuvunaanyizibwa ku nnyumba ya MUKAMA; oteekwa okuteeka
omulalu yenna eyefuula nga nnabbi mu nvuba ne mu masamba.
27 Noolwekyo lwaki tokangavudde Yeremiya ow'e Yanasosi, eyefuula
nnabbi wakati mu mmwe?
28 Atuweerezza obubaka buno mu Babulooni ng'agamba nti,
Obuwaŋŋanguse bwammwe bujja kubeera bwa bbanga ddene.
Noolwekyo mwezimbire amayumba mutereere mu nsi, mulime ennimiro
mulye ebibala byamu.' "
29 Wabula Zeffaniya kabona nasomera nnabbi Yeremiya ebbaluwa eno.
30 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,
31 "Muweereze obubaka buno eri abawaŋŋanguse nti, 'Kino MUKAMA
ky'agamba ku Semaaya Omunekeramu. Kubanga Semaaya yakuwa
obunnabbi, wadde nga ssamutuma, era akutuusizza ku kwesiga
eby'obulimba,
32 kino MUKAMA ky'agamba nti, Ddala ddala ndibonereza Semaaya
Omunekeramu n'abantu b'omu nju ye. Tewaliba n'omu alisigalawo ku
bantu be, wadde aliraba ebirungi bye ndikolera abantu bange, kubanga
ayigirizza abantu okunjeemera, bw'ayogera MUKAMA.' "

# 30

*Isirayiri Azzibwawo*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA ekyajjira Yeremiya nti,
2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wa Isirayiri nti, 'Wandiika ku
muzingo ebigambo byonna bye njogedde naawe.
3 Ennaku zijja, lwe ndikomyawo abantu bange Isirayiri ne Yuda okuva
mu busibe, mbazzeeyo mu nsi gye nawa bajjajjaabwe babeere omwo,'
bw'ayogera MUKAMA."
4 Bino bye bigambo MUKAMA bye yayogera ebikwata ku Isirayiri ne Yuda
nti,
5 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
" 'Emiranga egy'okutya giwulirwa,
bulabe teri mirembe.
6 Mubuuze mulabe.
Omusajja alumwa okuzaala?
Kale lwaki ndaba buli musajja ow'amaanyi
ng'atadde emikono gye ku lubuto ng'omukazi alumwa okuzaala,
buli muntu mu maaso yenna asiiwuuse ng'agenda okufa?
7 Nga luliba lwa nnaku olunaku olwo!
Tewali lulirufaanana.
Kiriba kiseera kya kabi eri Yakobo,

naye aliwona n'akiyitamu.

8 " 'Olulituuka ku lunaku olwo,
ndimenya ekikoligo okuva mu nsingo zaabwe
era ne mbasaleko amasamba,
ab'amawanga nga tebakyaddayo kubafuula baddu,' bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
9 Wabula, bajja kuweerezanga MUKAMA Katonda waabwe
ne Dawudi kabaka waabwe
gwe ndibayimusiza.

10 " 'Noolwekyo totya, ggwe Yakobo omuweereza wange,
toggwaamu maanyi ggwe Isirayiri,'
bw'ayogera MUKAMA.
'Ddala ddala ndibalokola okubaggya mu kifo eky'ewala,
nziggye ezzadde lyammwe okuva mu nsi ey'obuwaŋŋanguse.
Yakobo aliddamu okuba n'emirembe n'obutebenkevu,
era tewali n'omu alimutiisatiisa.
11 Ndi wamu nammwe
era ndibalokola,
wadde nga ndizikiririza ddala amawanga gye mbagobedde,
siribazikiririza ddala mmwe,'
bw'ayogera MUKAMA.
Ndibakangavvula n'obwenkanya,
siribaleka nga temubonerezebbwa n'akatono.
12 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
" 'Ekiwundu kyo tekiwonyezeka,
Ebisago byo si byakuwona.
13 Tewali n'omu wa kukuwolereza,
tewali ddagala lya kiwundu kyo, toowonyezebwe.
14 Abakuyamba bonna bakwerabidde
tebakufaako.
Nkukubye ng'omulabe bwe yandikoze
ne nkubonereza ng'owettima bwe yandikoze,
kubanga omusango gw'ozzizza munene nnyo
n'ebibi byo bingi ddala.
15 Lwaki okaaba olw'ekiwundu kyo,
obulumi bwo obutaliiko ddagala?
Olw'okwonoona kwo okunene n'ebibi byo ebingi ennyo
nkuleeseeko ebintu bino.

16 " 'Naye bonna abakumira nabo baliriibwa,
abalabe bo bonna baligenda mu buwaŋŋanguse.
Abo abaakunyaga balinyagibwa,
abo abaakwelula balyelulwa.
17 Naye ndikuzzaawo owone,
ndiwonya ebiwundu byo,' bw'ayogera MUKAMA,
'kubanga oyitibwa eyasuulibwa,
Sayuuni atalina n'omu amufaako.'
18 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
" 'Ndizzaawo eby'obugagga by'eweema za Yakobo
era mbeere n'ekisa ku kifo kyammwe kye mwabeerangamu.
Ekibuga kirizimbibwa awaali amatongo gaakyo,

n’olubiri luzzibwe mu kifo kyalwo ekituufu.
19 Mu bo mulivaamu ennyimba ez’okwebaza
era n’eddoboozi ery’okujaguza,
ndibaaza, era tebaliba batono,
ndibawa ekitiibwa, tebalinyoomebwa.
20 Abaana baabwe baliba nga bwe baali mu nnaku ez’edda,
era n’ebitundu byabwe mwe baabeeranga bizimbibwe nga ndaba.
Ndibonereza bonna ababanyigiriza.
21 Omukulembeze waabwe aliba omu ku bo;
omukulembeze waabwe aliyimuka okuva mu bo.
Ndimuleeta wendi era musembeze kumpi nange,
kubanga ani oyo alyewaayo
okunyiikira okubeera okumpi nange?’
bw’ayogera MUKAMA.
22 ‘Noolwekyo munaabeeranga bantu bange,
nange n’abeeranga Katonda wammwe.’ ”

23 Laba, omuyaga gwa MUKAMA
gulikuntira mu kiruyi,
empewo ey’amaanyi
eyeetooloolera ku mitwe gy’abakozi b’ebibi.
24 Obusungu bwa MUKAMA obubuubuuka
tebujja kukoma okutuusa ng’atuukirizza
ekigendererwa ky’omutima gwe.
Mu nnaku ezirijja,
kino mulikitegeera.

# 31

1 “Mu kiseera ekijja, ndiba Katonda w’ebika byonna ebya Isirayiri, era
balibeera bantu bange,” bw’ayogera MUKAMA.
2 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
“Abantu abawona ekitala
baliraba ekisa mu ddungu.
Ndijja n’empa Isirayiri ekiwummulo.”
3 MUKAMA yatulabikira edda ng’agamba nti,
“Nkwagadde n’okwagala okutaliggwaawo,
kyenvudde nkusembeza gye ndi n’ekisa ekijjudde okwagala.
4 Ndikuzimba nate, era olizimbibwa,
ggwe Omuwala Isirayiri.
Era oliddamu okuyonjebwa okwate ebitaasa byo
ofulume ozine n’abo abasanyuka.
5 Oliddamu okusimba emizabbibu ku lusozi Samaliya,
abalimi baligisimba balye ebibala byakwo.
6 Walibeerawo olunaku
abakuumi lwe balikoowoola ku busozi bwa Efulayimu nti,
‘Mujje, tugende ku Sayuuni,
eri MUKAMA Katonda waffe.’ ”
7 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
“Muyimbe n’essanyu olwa Yakobo
Muleekaanire waggulu olw’ensi esinga zonna.”
Ettendo lyammwe liwulikike, era mugambe nti,
“Ayi MUKAMA, lokola abantu bo,
abaasigalawo ku Isirayiri.”

8 Laba, ndibakomyawo okuva mu nsi ey'obukiikakkono,
ne mbakuŋŋaanya okuva ku nkomerero y'ensi.
Mu bo mulibaamu abazibe b'amaaso, n'abalema,
n'abakyala ab'embuto, n'abalumwa okuzaala,
era abantu bangi balikomawo.
9 Balikomawo nga bakaaba,
balisaba nga mbakomyawo.
Ndibakulembera ku mabbali g'emigga,
mu kkubo eggolokofu mwe batalyesittalira
kubanga nze Kitaawe wa Isirayiri,
era Efulayimu ye mutabani wange omubereberye.

10 "Muwulire ekigambo kya MUKAMA mmwe amawanga,
mukyogere mu nsi ezeewala.
'Oyo eyasaasaanya Isirayiri alibakuŋŋaanya
era alirabirira ekisibo kye ng'omusumba w'endiga.'
11 Kubanga MUKAMA aligula Yakobo
era abanunule okuva mu mukono gw'oyo abasinga amaanyi.
12 Balijja baleekaana olw'essanyu ku nsozi za Sayuuni;
balisanyukira okugabula kwa MUKAMA:
emmere ey'empeke, ne wayini omusu, n'omuzigo,
n'abaana b'endiga era n'ebisibo.
Balibeera ng'ennimiro efukiririddwa obulungi,
era tebalyongera kulaba nnaku.
13 Abawala balizina beesiime,
n'abavubuka, n'abakadde.
Okukaaba kwabwe ndikufuula essanyu;
ndibawa emirembe n'essanyu okusinga ennaku.
14 Ndikkusa bakabona ebintu ebingi,
n'abantu bange mbajjuze ebintu,"
bw'ayogera MUKAMA.
15 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Eddoboozi liwulirwa mu Laama,
nga likungubaga n'okukaaba okungi.
Laakeeri akaabira abaana be
era agaanye okusirisibwa,
kubanga abaana be baweddewo."
16 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Ziyiza eddoboozi lyo lireme okuwulikika ng'okaaba
n'amaaso go galeme okujja amaziga,
kubanga omulimu gwo gulisasulibwa,"
bw'ayogera MUKAMA.
Balikomawo okuva mu nsi y'omulabe.
17 Waliwo essuubi,
bw'ayogera MUKAMA.
Abaana bo baliddayo mu nsi yaabwe.

18 "Ddala mpulidde Efulayimu ng'akungubaga nti,
'Wankangavvula ng'ennyana endalu
era kaakano nkangavvuddwa.
Nziza, n'akomawo gy'oli
kubanga ggwe MUKAMA Katonda wange.
19 Nga mmaze okubula,

neenenya,
nga nzizeemu amagezi agategeera
ne neekuba mu kifuba.
Nakwatibwa ensonyi era ne nswala,
kubanga naliko ekivume ky'obuvubuka bwange.'
20 Efulayimu si mwana wange omwagalwa,
omwana gwe nsanyukira?
Wadde nga ntera okumunenya
naye nkyamujjukira.
Noolwekyo omutima gwange gumuyaayaanira;
nnina ekisa kingi gy'ali,"
bw'ayogera MUKAMA.

21 "Muteeke ebipande ku nguudo;
muteekeeko ebipande.
Mwetegereze ekkubo eddene,
ekkubo mwe muyita.
Komawo ggwe Omuwala Isirayiri,
komawo mu bibuga byo.
22 Olituusa ddi okudda eno n'eri,
ggwe omuwala atali mwesigwa?
MUKAMA alikola ekintu ekiggya ku nsi,
omukazi aliwa omusajja obukuumi."

23 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, "Bwe
ndibakomyawo okubaggya mu busibe, abantu b'omu nsi ye Yuda ne mu
bibuga byamu bajja kuddamu okukozesa ebigambo bino nti, 'MUKAMA
akuwe omukisa, ggwe ekifo ekitukuvu, ggwe olusozi olutukuvu.'
24 Abantu balibeera wamu mu Yuda ne mu bibuga byakyo byonna,
abalimi n'abo abatambula n'amagana gaabwe.
25 Abalumwa ennyonta ndibanywesa, nzizeemu amaanyi abazirika."
26 Awo we nazuukukira ne ntunulatunula. Otulo twange twali tunnyu-
midde.
27 "Ennaku zijja," bwayogera MUKAMA, "lwe ndisimba ennyumba ya
Isirayiri ne nnyumba ya Yuda n'ezzadde ly'abantu n'ery'ensolo.
28 Nga bwe nabalabirira nga bakuulibwa era nga bayuzibwayuzibwa,
nga babetentebwa, era nga bazikirizibwa ne beeleetako ekikangabwa, bwe
ntyo bwe ndibalabirira nga bazimbibwa era nga basimbibwa," bw'ayogera
MUKAMA.
29 "Mu nnaku ezo abantu banaaba tebakyagamba nti,

" 'Bakitaabwe balidde emizabbibu egikaawa*,
n'amannyo g'abaana ne ganyenyeera.' "

30 Wabula buli muntu alifa olw'obutali butuukirivu bwe ye, buli muntu
alya ezabbibu erinyenyeeza amannyo, amannyo ge galinyenyeera.
31 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Ekiseera kijja,
lwe ndikola endagaano empya
n'ennyumba ya Isirayiri
era n'ennyumba ya Yuda.
32 Teribeera ng'endagaano eri
gye nakola ne bajjajjaabwe
bwe nabakwata ku mukono
okubakulembera okubaggya mu nsi y'e Misiri,

* **31:29** emizabbibu gitera okuba nga giwoomerera noolwekyo tukisome nti giwoomerera

kubanga baamenya endagaano yange nabo
wadde nga nze nnali nga omwami waabwe,”
bw’ayogera MUKAMA.
33 “Eno y’endagaano gye nnaakola
n’ennyumba ya Isirayiri mu kiseera ekyo,” bw’ayogera MUKAMA.
“Nditeeka amateeka gange mu birowoozo byabwe,
ne ngawandiika ku mitima gyabwe.
Ndibeera Katonda waabwe,
nabo balibeera bantu bange.
34 Omuntu taliddayo kuyigiriza muliraanwa we,
oba omusajja muganda we ng’agamba nti, ‘Manya MUKAMA,’
Kubanga bonna balimmanya,
okuva ku asokerwako wansi okutuuka ku akomererayo waggulu,”
bw’ayogera MUKAMA.
“Kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe,
n’ekibi kyabwe ne siddamu kukijjukira.”
35 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
Oyo ateekawo enjuba
okwaka emisana,
n’alagira omwezi n’emmunyeenye okwaka ekiro, asiikuula ennyanja
amayengo gaayo ne gawuluguma;
MUKAMA Katonda ow’Eggye lye linnya lye.
36 “Amateeka gano
nga bwe gavudde mu maaso gange,
n’ezzadde lya Isirayiri we linaakoma okubeera eggwanga
olw’ebyo byonna bye bakoze,” bw’ayogera MUKAMA Katonda.
37 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti,
“Okuggyako ng’eggulu lisobola okupimibwa
n’emisingi gy’ensi wansi okunoonyezebwa,
olwo lw’endigoba ezzadde lya Isirayiri
olw’ebyo bye bakoze,”
bw’ayogera MUKAMA.
38 “Ennaku zijja,” bw’ayogera MUKAMA, “ekibuga lwe kinaazimbibwa
okuva ku Munaala gwe Kananeri okutuuka ku Mulyango gw’oku Nsonda.
39 Omuguwa ogupima gujja kupima okuva eyo okutuuka ku lusozi lw’e
Galebu n’oluvannyuma gupime okuva eyo okutuuka e Gowa.
40 Ekiwonvu kyonna emirambo n’evvu gye bisuuliddwa, era n’ennimiro
zonna okutuuka ku kagga Kidulooni ku bukiikakkono n’okutuuka ku
nsonda eyitibwa Omulyango gw’Embalaasi, kinaaba kitukuvu eri Katonda.
Ekibuga tekigenda kuddayo kusimbulwa wadde okusaanyizibwawo.”

# 32

*Yeremiya Agula Ennimiro*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA ekyajjira Yeremiya mu mwaka
ogw’ekkumi ogw’obufuzi bwa Zeddekiya kabaka wa Yuda, ogwali omwaka
ogw’ekkumi n’omunaana ogw’obufuzi bwa Nebukadduneeza.
2 Amaggye ga kabaka w’e Babulooni gaali gazingizza Yerusaalemi, era ne
Yeremiya nnabbi baali bamusibidde mu luggya lw’omukuumi mu lubiri
lwa kabaka wa Yuda.
3 Zeddekiya kabaka wa Yuda yali amusibidde eyo ng’agamba nti, “Lwaki
otegeeza obunnabbi mu ngeri eyo? Ogamba nti, ‘Bw’ati bw’ayogera

Mukama. Nnaatera okuwaayo ekibuga kino eri kabaka w'e Babulooni, era agenda kukiwamba.

4 Zeddekiya kabaka wa Yuda tajja kuwona mikono gy'Abakaludaaya naye ddala wa kuweebwayo eri kabaka w'e Babulooni era ajja kwogera naye, balabagane amaaso n'amaaso.

5 Alitwala Zeddekiya mu Babulooni, gy'alisigala okutuusa lwe ndimujjira. Bwe munaalwanyisa Abakaludaaya, temujja kuwangula,' bw'ayogera Mukama."

6 Yeremiya n'agamba nti, "Ekigambo kya Mukama kyanzijira:

7 Laba Kanameri mutabani wa Sallumu kojjaawo agenda kujja gy'oli akugambe nti, 'Gula ennimiro yange eri mu Anasosi kubanga ng'owooluganda asinga okuba okumpi guba mukisa gwo era buvunaanyizibwa bwo okugigula.'

8 "Awo nga Mukama bwe yali agambye, omwana wa kojja wange Kanameri yajja mu luggya lw'omukuumi gye nnali n'aŋŋamba nti, 'Gula ennimiro yange eri mu Anasosi mu kitundu kya Benyamini, kubanga okirinako obuyinza n'obuvunaanyizibwa okukinunulayo n'okyefunira, kyegulire.'

"Olwo ne mmanya nti kino kye kigambo kya Mukama.

9 Ne ndyoka ngula ennimiro ey'e Anasosi ku Kanameri omwana wa kojjange, ne mubalira ensimbi, ebitundu kkumi na musanvu ebya ffeeza.

10 Ne nteeka omukono ku kiwandiiko ky'endagaano okugulirwa ettaka ne nkissaako n'akabonero, ne nfuna abajulirwa, ne mpima ffeeza ku minzaani.

11 Ne ntwala ekiwandiiko ekimpa obwannannyini ekirimu enkola era n'ebisuubirwa okugobererwa, era ne kkopi ey'olwatu.

12 Ne mpa Baluki mutabani wa Neriya mutabani wa Maseya ekiwandiiko ky'obwannannyini, Kanameri omwana wa kojjange nga waali n'abajulirwa nga weebali abaateeka emikono ku kiwandiiko eky'obwannannyini n'Abayudaaya bonna abaali batudde mu luggya lw'omukuumi.

13 "Ne nkuutirira Baluki mu maaso gaabwe nti,

14 'Bw'ati bw'ayogera Mukama ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Twala ebiwandiiko bino byombi, ekisibeko envumbo n'ekitali kisibeko obiteeke mu nsumbi ey'ebbumba bisobole okulwawo ebbanga gwanvu.

15 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama ow'Eggye Katonda wa Isirayiri nti, Ennyumba, n'ebibanja n'ennimiro ez'emizabbibu biriddamu okugulibwa mu nsi eno.'

16 "Nga mmaze okuwaayo ekiwandiiko kino eri Baluki mutabani wa Neriya, nasaba Mukama nti,

17 "Ayi Mukama Katonda, ggwe wakola eggulu n'ensi n'amaanyi go amangi ennyo, n'omukono gwo ogugoloddwa. Tewali kintu na kimu kikulema.

18 Olaga okwagala kwo eri enkumi n'enkumi ate oleeta ekibonerezo ky'ebibi bya bakitaabwe ku baana baabwe. Ayi Katonda ow'ekitalo era ow'amaanyi, ayitibwa Mukama Katonda ow'Eggye,

19 ebigendererwa byo nga binene era n'ebikolwa byo nga bikulu. Amaaso go gatunuulidde amakubo gonna ag'abantu, osasula buli muntu ng'enneeyisa ye bweri era ng'ebikolwa bye bwe biri.

20 Wakola obubonero n'ebikolwa ebyamagero mu Misiri era weeyongedde okubikola leero, wonna mu Isirayiri ne mu bantu bonna era erinnya lyo lyeyongedde okwatiikirira.

21 Waggya abantu bo Isirayiri mu Misiri n’obubonero n’eby’amagero,
n’omukono gwo ogw’amaanyi gwe wagolola n’entiisa ey’amaanyi.
22 Wabawa ensi eno gye wali olayidde okuwa bajjajjaabwe, ensi
ekulukuta amata n’omubisi gw’enjuki.
23 Baagituukamu ne bagitwala, naye tebaakugondera wadde okugob-
erera amateeka go, byonna bye wabalagira tebaliiko wadde na kimu kye
baakola. Kyewava obaleetako akabi kano konna.
24 “Laba entuumo z’omulabe z’atuumye okuzinda ekibuga okuki-
wamba n’ekitala, n’enjala ne kawumpuli, ekibuga kigenda kuweebwayo
eri Abakaludaaya abakirumba. Ekyo kye wagamba kituukiridde nga
kaakano bw’olaba.
25 Era wadde ng’ekibuga kigenda kuweebwayo eri Abakaludaaya,
ggwe Ayi MUKAMA Katonda oŋŋambye nti, ‘Toola ffeeza weegulire
ennimiro era wabeerewo n’abajulirwa.’ ”
26 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,
27 “Nze MUKAMA, Katonda w’abantu bonna. Eriyo ekinnema?
28 Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Nnaatera okuwaayo ek-
ibuga kino eri Abakaludaaya ne Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni,
abanaakiwamba.
29 Abakaludaaya abanaalumba ekibuga kino bajja kukikumako omuliro,
bakyokye kiggye, n’amayumba gonna abantu mwe bankwasiza obusungu
nga bootereza Baali obubaane waggulu ku mayumba era n’okuwaayo
ebiweebwayo eby’okunywa eri bakatonda abalala.’
30 “Abantu ba Isirayiri ne Yuda bye bakoze bibi byereere mu maaso
gange okuva mu buvubuka bwabwe; era ddala abantu ba Isirayiri tebalina
kirala kye bakoze wabula okunnyiiza n’ebyo emikono gyabwe gye gikoze,
bw’ayogera MUKAMA.
31 Okuva ku lunaku lwe kyazimbibwa ne leero, ekibuga kino
kindeetedde obusungu bungi n’ekiruyi, noolwekyo nteekwa okukiggya mu
maaso gange.
32 Abantu ba Isirayiri ne Yuda bannyiizizza olw’ebibi byonna bye
bakoze, bo ne bakabaka baabwe n’abakungu baabwe, ne bakabona
baabwe ne bannabbi, abasajja ba Yuda n’abantu ba Yerusaalemi.
33 Banvaako ne bankuba amabega mu kifo ky’okuntunuulira; wadde nga
nabayigiriza ne nkiddiŋŋana emirundi mingi naye tebaawuliriza wadde
okufaayo eri okukangavvulwa.
34 Baateekawo ebifaananyi bya bakatonda baabwe abakole n’emikono,
eby’omuzizo mu nnyumba eyitibwa Erinnya lyange ne bagyonoona.
35 Baazimba ebifo ebigulumivu ebya Baali mu kiwonvu kya mutabani
wa Kinomu, basaddaake batabani baabwe ne bawala baabwe mu muliro
eri Moleki, newaakubadde nga sibalagiranga, wadde okukirowooza mu
magezi gange, nti balikola ekintu ekibi ennyo bwe kityo kiviireko Yuda
okwonoona.
36 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, ‘Ekibuga kino
okyogerako nti, Kijja kuweebwayo eri kabaka w’e Babulooni lwa kitala,
n’enjala, ne kawumpuli.’
37 Naye laba, ndibakuŋŋaanya mu mawanga gye mbagobedde
n’obusungu bwange n’ekiruyi eky’amaanyi; ndibakomyawo mu kifo kino,
mubeere n’emirembe.
38 Era balibeera bantu bange, nange mbeere Katonda waabwe.
39 Ndibawa omutima gumu n’ekkubo limu, bantyenga emirembe gy-
onna, olw’obulungi bwabwe, n’obulungi bw’abaana abaliddawo.

40 Ndikola nabo endagaano eteriggwaawo: siribaleka era sirirekeraawo
kubakolera birungi, era ndibassaamu omwoyo oguntya, baleme kuddayo
kunvaako.
41 Ndisanyuka olw'okubakolera ebirungi era awatali kubuusabuusa
ndibasimba mu nsi eno n'omutima gwange gwonna n'emmeeme yange
yonna.
42 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Nga bwe naleeta akabi kano
konna ku bantu bano, era nze ndibawa okukulaakulana kwonna kwe
mbasuubizza.
43 Era nate ennimiro zirigulwa mu ggwanga lino lye mugamba nti,
'Lifuuse matongo agatagambika, omutali bantu wadde ensolo kubanga
kiweereddwayo eri Abakaludaaya.'
44 Ennimiro zirigulibwa ffeeza, era n'ebiwandiiko eby'obwannannyini
biteekebweko omukono, bisabikibwe era bifune n'ababijulira mu
Benyamini, ne mu byalo ebyetoolodde Yerusaalemi, ne mu bibuga bya
Yuda ne mu bibuga ebyetoolodde Yerusaalemi, ne mu byalo bya Yuda
ne mu bibuga eby'omu nsi ey'ensozi, ne mu bibuga eby'omu nsenyi ne
mu bibuga eby'omu bukiikaddyo, kubanga ndikomyawo okukulaakulana
kwabwe, bw'ayogera MUKAMA."

# 33

### *Ebisuubizo by'Okuddawo*

1 Yeremiya bwe yali ng'akyali mu kkomera mu luggya lw'omukuumi,
ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira omulundi ogwokubiri nti,
2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, oyo eyakola ensi, MUKAMA eyagikola era
n'agiteekawo, MUKAMA lye linnya lye:
3 'Mumpite n'abayitaba ne mbalaga ebikulu ebitanoonyezeka bye
mutamanyi.'
4 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri ku
mayumba agali mu kibuga kino era ne ku mbiri z'obwakabaka bwa Yuda
ebyamenyebwamenyebwa okukozesebwa ng'entuumo eziziyiza obulum-
baganyi n'ekitala
5 mu lutalo n'Abakaludaaya. 'Birijjula emirambo gy'abasajja be nditta
olw'obusungu bwange n'ekiruyi. Ndikweka amaaso gange okuva ku
kibuga kino olw'obutali butuukirivu bwabwe bwonna.
6 " 'Naye ndikiwa obulamu n'okuwonyezebwa; ndiwonya abantu bange,
mbaleetere okweyagalira mu mirembe emigazi era eminywevu.
7 Ndikomyawo Yuda ne Isirayiri okubaggya mu buwambe era mbazimbe
nga bwe baasooka okubeera.
8 Ndibalongoosa okubaggyako ebibi byonna bye bannyonoona era
mbasonyiwe n'ekibi eky'okunjeemera.
9 Olwo ekibuga kino kirindetera okwongera okumanyika, n'essanyu,
n'ettendo era n'ekitiibwa eri amawanga gonna ku nsi agaliwulira
ebintu byonna ebirungi bye mbakolera; era balyewuunya bakankane
olw'okukulaakulana n'emirembe gye nkiwa.'
10 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Mwogera ku kifo kino nti, "Matongo
agaalekebwa awo, omutali bantu wadde ensolo." Ate nga mu bibuga
bya Yuda n'enguudo za Yerusaalemi ezalekebwawo omutali bantu wadde
ensolo, muliddamu okuwulirwa nate
11 amaloboozi ag'essanyu n'okujaguza, n'amaloboozi g'omugole ne bba,
n'amaloboozi gaabo abaleeta ekiweebwayo eky'okwebaza eri ennyumba
ya MUKAMA, nga bagamba nti,

“ ‘ “Mumwebaze MUKAMA Katonda ow’Eggye,
kubanga MUKAMA mulungi;
okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.”
Kubanga ndizzaawo omukisa gw’eggwanga lino nga bwe gwali mu kusooka,’ bw’ayogera MUKAMA Katonda.

12 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye nti, ‘Mu kifo kino
ekirekeddwa awo omutali bantu wadde ensolo, mu bibuga byakyo byonna nate muliddamu amalundiro ag’abasumba mwe banaawummulizanga ebisibo byabwe.
13 Mu bibuga eby’ensi ey’obusozi, eby’eri wansi w’ensozi ez’omu
bugwanjuba era ne Negebu, mu kitundu kya Benyamini, mu byalo ebyetoolodde Yerusaalemi n’ebibuga ebyetoolodde Yuda mwonna ebisibo biriddamu okuyita wansi w’omukono gw’oyo abibala,’ bw’ayogera MUKAMA.
14 “ ‘Ennaku zijja,’ bw’ayogera MUKAMA, ‘lwe ndituukiriza ekisuubizo
eky’ekisa kye nakolera ennyumba ya Isirayiri n’ennyumba ya Yuda.

15 “ ‘Mu nnaku ezo era mu kiseera ekyo
ndireeta Ettabi ettukuvu mu lunyiriri lwa Dawudi
era alikola eby’amazima era ebituufu mu nsi.

16 Mu nnaku ezo Yuda alirokolebwa
ne Yerusaalemi alibeera mirembe.
Lino lye linnya ly’aliyitibwa nti,
MUKAMA Obutuukirivu bwaffe.’ ”
17 Kubanga bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, “Dawudi talirema kubeera na
muntu kutuula ku ntebe ey’obwakabaka bw’ennyumba ya Isirayiri,
18 wadde bakabona, n’Abaleevi, okulemwa okubeera n’omusajja
ow’okuyimirira mu maaso gange ebbanga lyonna okuwaayo ssaddaaka ezokebwa, okwokya ekiweebwayo eky’empeke era n’okuwaayo ssaddaaka.”
19 Ekigambo kya MUKAMA kyajjira Yeremiya nti,
20 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Bw’oba osobola okumenya enda-
gaano yange n’emisana era n’endagaano yange n’ekiro, ne kiba nti emisana n’ekiro tebijja mu biseera byabyo ebyateekebwawo,
21 olwo endagaano yange ne Dawudi omuddu wange, n’endagaano
yange n’Abaleevi, ne bakabona, n’abaweereza bange eyinza okumenyebwa, Dawudi aleme kuddayo kuba na muntu wa mu nju ye okufuga ku ntebe ye ey’obwakabaka.
22 Ndifuula ab’enju ya Dawudi omuddu wange n’Abaleevi abaweereza
mu maaso gange okwala ng’emmunyeenye ez’oku ggulu ezitabalika era abatabalika ng’omusenyu gw’okulubalama lw’ennyanja ogutapimika.’ ”
23 Ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,
24 Tonategeera nti abantu bano bagamba nti, “MUKAMA agaanye ob-
wakabaka obubiri bwe yalonda? Kale banyooma abantu bange era tebakyababala ng’eggwanga.
25 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Bwe mba nga sassaawo ndagaano
yange n’emisana n’ekiro n’amateeka ag’enkalakkalira ag’eggulu n’ensi,
26 olwo nzija kwegaana ezzadde lya Yakobo ne Dawudi omuddu wange
era sirironda n’omu ku batabani be okufuga ezzadde lya Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo. Kubanga ndizzaawo nate emikisa gyabwe, era ne mbakwatirwa ekisa.’ ”

# 34

### *Okulabula Zeddekiya*

1 Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'amaggye ge gonna, n'abantu
bonna ab'ensi ze yali afuga bwe baali balwanyisa Yerusaalemi n'ebibuga
ebikyetoolodde, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nga kigamba
nti,
2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, Genda eri
Zeddekiya kabaka wa Yuda omugambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera nti,
Nnaatera okuwaayo ekibuga kino eri kabaka w'e Babulooni, era agenda
kukyokya.
3 Tolisumattuka mukono gwe era oliwambibwa otwalibwe gy'ali.
Oliraba kabaka w'e Babulooni n'amaaso go, olyogera naye nga mutunuuli-
raganye, era olitwalibwa e Babulooni.
4 " 'Wabula wulira ekisuubizo kya MUKAMA, ggwe Zeddekiya kabaka wa
Yuda. Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ku bikukwatako nti, Tolifa kitala;
5 olifa mu mirembe. Ng'abantu bwe bakuma ebyoto mu nnyimbe za
bakitaawo, bakabaka abasooka, bwe batyo bwe balikuwa ekitiibwa nga
bakujjukira nga bakukungubagira nga bagamba nti, "Woowe mukama
waffe!" Nze kennyini mpa ekisuubizo kino, bw'ayogera MUKAMA.' "
6 Awo Yeremiya nnabbi bino byonna n'abibuulira Zeddekiya kabaka wa
Yuda, mu Yerusaalemi,
7 nga amaggye ga kabaka w'e Babulooni bwe galwanyisa Yerusaalemi
n'ebibuga ebirala ebya Yuda, Lakisi ne Azeka, ebyali bikyanywereddewo.
Bino bye bibuga byokka ebyaliko eminaala egyali gisigadde mu Yuda.

### *Eddembe ly'Abaddu*

8 Kino kye kigambo ekyajjira Yeremiya okuva eri MUKAMA nga kabaka
Zeddekiya amaze okukola endagaano n'abantu bonna mu Yerusaalemi
okulangirira nti abaddu baweereddwa eddembe.
9 Buli muntu yenna yali ateekwa okuta omuddu we Omwebbulaniya,
abasajja n'abakazi; nga tewali n'omu alina kukuumira Muyudaaya munne
mu busibe.
10 Abakungu bonna n'abantu abaayingira mu ndagaano eno bakk-
iriziganya nti baali bakusumulula abaddu baabwe abasajja n'abakazi
baleme kubakuumira mu buddu nate. Era ne babasumulula.
11 Naye oluvannyuma ne bakyuka ne bazzaayo abaddu be baali bawadde
eddembe.
12 Ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,
13 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, Nakola
endagaano ne bajjajjammwe bwe nabaggya mu nsi y'e Misiri, mu nsi
ey'obuddu. Nagamba nti,
14 'Buli mwaka ogw'omusanvu buli omu ku mmwe ateekwa okuta
Mwebbulaniya munne eyeetunda gy'ali. Bwakuweererezanga emyaka
omukaaga, oteekwa okumuta agende.' Naye bakitammwe tebampuliriza
wadde okunfaako.
15 Emabegako mmwe mwennyini mwenenya ne mukola ekisaanidde mu
maaso gange. Buli omu ku mmwe yalangirira eddembe eri abantu b'ensi
ye, era ne mukola n'endagaano mu nnyumba yange eyitibwa Erinnya
lyange.
16 Naye kaakano mwekyusizza ne mwonoona erinnya lyange; buli omu
ku mmwe yeddiza abaddu abasajja n'abakazi be mwali mutadde bagende
gye baali beeyagalidde. Mubawalirizza babeere abaddu bammwe nate.

17 “Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, Temuŋŋondedde; temutadde bantu ba nsi yammwe. Kale kaakano nangirira ‘eddembe’ gye muli, bw’ayogera MUKAMA, ‘eddembe’, okuttibwa n’ekitala, ne kawumpuli n’enjala. Ndibafuula ekyenyinyalwa eri obwakabaka bwonna obw’oku nsi.

18 Abasajja abamenye endagaano yange ne batatuukiriza bweyamo buli mu ndagaano gye baakola mu maaso gange, nzija kubakolako ng’ennyana gye basalamu ebitundu ebibiri ne bayita wakati w’ebitundu byayo.

19 Abakulembeze b’omu Yuda ne Yerusaalemi, n’abakungu b’embuga ya kabaka, ne bakabona n’abantu bonna ab’omu nsi abaatambulira wakati w’ebitundu by’ennyana,

20 ndibawaayo eri abalabe baabwe abanoonya obulamu bwabwe. Emirambo gyabwe gya kufuuka mmere eri ebinyonyi eby’omu bbanga era n’eri ensolo ez’omu nsiko.

21 “Ndiwaayo Zeddekiya kabaka wa Yuda n’abakungu be bonna eri abalabe baabwe ababanoonya okubatta, n’eri eggye lya kabaka w’e Babulooni, eribadde lizzeeyo emabega.

22 Ŋŋenda kuwa ekiragiro, bw’ayogera MUKAMA, era ndibakomyawo mu kibuga kino. Balikirwanyisa bakitwale, bakyokye. Era ndizikiriza ebibuga bya Yuda waleme kubaawo abibeeramu.”

# 35

## *Abalekabu*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA ekyajjira Yeremiya mu bufuzi bwa Yekoyakimu kabaka wa Yuda, mutabani wa Yosiya nga kigamba nti,

2 “Genda eri ekika eky’Abalekabu obayite bajje mu kimu ku bisenge mu nnyumba ya MUKAMA obawe envinnyo banywe.”

3 Awo ne ntwala Yaazaniya mutabani wa Yeremiya, mutabani wa Kabazziniya ne baganda be ne batabani be bonna, ekika kyonna eky’Abalekabu.

4 Ne mbayingiza mu nnyumba ya MUKAMA, mu kisenge kya batabani ba Kanani mutabani wa Igudaliya omusajja wa Katonda. Kyali kiriraanye ekisenge kya bakungu, ekyali waggulu w’ekisenge kya Maaseya mutabani wa Sallumu omukuumi w’oluggi.

5 Ne nteeka ebibya ebijjudde envinnyo n’ebikopo ebimu mu maaso g’abasajja ab’ennyumba y’Abalekabu ne mbagamba nti, “Munywe ku nvinnyo.”

6 Naye ne baddamu nti, “Tetujja kunywa nvinnyo kubanga jjajjaffe Yonadabu mutabani wa Lekabu yatulagira nti, ‘Tewabanga n’omu ku mmwe wadde abaana bammwe anywanga envinnyo.

7 Era temuzimbanga ennyumba, wadde okusiganga ensigo wadde okusimba emizabbibu; temubanga na bintu bino byonna, naye mubeeranga mu weema zokka. Olwo munaawangaliranga mu nsi gye munaaberangamu.’

8 Twagondera ekiragiro kya jjajjaffe Yonadabu mutabani wa Lekabu kye yatulagira. Ffe wadde bakazi baffe wadde batabani baffe wadde bawala baffe tetunywangako ku nvinnyo,

9 oba okuzimba ennyumba okusulamu oba okuba n’ennimiro ez’emizabbibu, oba ebibanja oba ebirime.

10 Tusula mu weema era tugondedde bulambalamba byonna jjajjaffe Yonadabu bye yatulagira.

11 Naye Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni bwe yazinda ensi eno
ne tugamba nti, 'Tugende e Yerusaalemi tuwone eggye ery'Abakaludaaya
n'ery'Abasuuli,' kyetuvudde tubeera mu Yerusaalemi."

12 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,

13 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
Genda ogambe abantu ba Yuda n'ab'omu Yerusaalemi nti, 'Temuyinza
kubaako kye muyiga, ne mugondera ebigambo byange?

14 Yonadabu mutabani wa Lekabu yalagira batabani be obutanywa
nvinnyo n'ekiragiro kino kyakumibwa. Okutuusa ne leero tebanywa
nvinnyo, kubanga baagondera etteeka lya jjajjaabwe. Naye njogedde
nammwe emirundi mingi, naye temuŋŋondedde.

15 Emirundi mingi, natuma abaddu bange bonna bannabbi gye muli.
Babagamba nti, "Buli omu ku mmwe ateekwa okuva mu makubo
ge amabi akyuse ebikolwa bye, muleme kugoberera bakatonda balala
okubaweereza, mulyoke mubeere mu nsi gye nabawa ne bajjajjammwe."
Naye temwanfaako wadde okumpuliriza.

16 Ab'enda ya Yonadabu mutabani wa Lekabu baakuuma ekiragiro
jjajjaabwe kye yabalagira, naye abantu bano tebaŋŋondedde.'

17 "Noolwekyo, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye, Katonda
wa Isirayiri nti, 'Muwulirize, ŋŋenda kuleeta ku Yuda ne ku buli
muntu yenna atuula mu Yerusaalemi buli kibonoobono kye naboogerako.
Nayogera nabo, naye tebampuliriza; nabayita, naye tebanziramu.' "

18 Awo Yeremiya n'agamba ennyumba y'Abalekabu nti, "Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, 'Mugondedde
ekiragiro kya jjajjaammwe Yonadabu ne mukwata byonna bye yabalagira
ne mutuukiriza byonna bye yabagamba.'

19 Noolwekyo, bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa
Isirayiri nti, 'Yonadabu mutabani wa Lekabu talirema kuba na mwana
we alimpeereza.' "

# 36

### *Yekoyakimu Ayokya Ekiwandiiko kya Yeremiya*

1 Mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa Yekoyakimu mutabani wa
Yosiya kabaka wa Yuda ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nga
kigamba nti,

2 "Twala omuzingo gw'empapula oguwandiikeko ebigambo byonna bye
njogedde naawe ebikwata ku Isirayiri, ne Yuda n'amawanga gonna okuva
mu biseera bye natandika okwogera naawe okuva mu bufuzi bwa Yosiya
okutuusa kaakano.

3 Oboolyawo abantu ba Yuda bwe banaawulira ku bikangabwa bye
ntegeka okubateekako, buli omu ku bo anaakyuka okuleka amakubo ge
amabi, ndyoke mbasonyiwe ebibi byabwe n'obutali butuukirivu bwabwe."

4 Awo Yeremiya n'ayita Baluki mutabani wa Neriya, era nga Yeremiya
ayogera ebigambo byonna MUKAMA bye yali ayogedde naye, Baluki
n'abiwandiika ku muzingo.

5 Awo Yeremiya n'agamba Baluki nti, "Nagaanibwa okugenda mu
nnyumba ya MUKAMA.

6 Kale laga mu nnyumba ya MUKAMA ku lunaku olw'okusiiba osomere
abantu ebigambo bya MUKAMA ebiri ku muzingo by'owandiise nga
njogera. Bisomere abantu ba Yuda bonna abava mu bibuga byabwe.

7 Oboolyawo banaaleeta okwegayirira kwabwe eri MUKAMA, era buli
omu anaava mu makubo ge amabi, kubanga obusungu n'ekiruyi MUKAMA
by'agambye okutuusa ku bantu bano binene nnyo."
8 Baluki mutabani wa Neriya n'akola byonna nnabbi Yeremiya bye
yamugamba okukola; n'asomera, ebigambo bya MUKAMA okuva mu
muzingo, mu yeekaalu ya MUKAMA.
9 Mu mwezi ogwomwenda ogw'omwaka ogwokutaano ogw'obufuzi bwa
Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, ekiseera eky'okusiibira
mu maaso ga MUKAMA kyalangirirwa eri abantu bonna mu Yerusaalemi
era n'abo abaali bavudde mu bibuga bya Yuda.
10 Awo ng'abantu bonna bawulira, Baluki n'asoma ebigambo bya
Yeremiya okuva mu muzingo, mu nnyumba ya MUKAMA ng'ali mu
kisenge kya Gemaliya mutabani wa Safani omuwandiisi, ekyali mu
luggya olw'ekyengulu, mu mulyango omuggya ogw'ennyumba ya MUKAMA
ng'abantu bonna bawulira.
11 Mikaaya mutabani wa Gemaliya mutabani wa Safani bwe yawulira
ebigambo bya MUKAMA byonna ebyali mu muzingo,
12 n'agenda eri ennyumba y'omuwandiisi mu lubiri lwa kabaka,
abakungu bonna gye baali batudde: Erisaama omuwandiisi, ne Deraya
mutabani wa Semaaya, ne Erunasani mutabani wa Akubooli, ne Gemaliya
mutabani wa Safani, ne Zeddekiya mutabani wa Kananiya, n'abakungu
bonna abalala.
13 Mikaaya ng'ababuulidde byonna bye yali awulidde Baluki asomera
abantu okuva ku muzingo,
14 abakungu bonna ne batuma Yekudi mutabani wa Nesaniya, mutabani
wa Seremiya mutabani wa Kuusi eri Baluki amugambe nti, "Leeta
omuzingo gw'osomedde abantu, naawe ojje." Awo Baluki mutabani wa
Neriya n'atwalira omuzingo mu mikono gye n'agubaleetera.
15 Ne bamugamba nti, "Tuula wansi, ogutusomere." Awo Baluki
n'agubasomera.
16 Bwe baawulira ebigambo ebyo byonna, buli omu n'atunula ku munne
ng'atidde ne bagamba Baluki nti, "Tuteekwa okubuulira kabaka ebigambo
bino byonna."
17 Awo ne babuuza Baluki nti, "Tubuulire, wazze otya okuwandiika bino
byonna? Yeremiya ye yabikugambye?"
18 Baluki n'abaddamu nti, "Weewaawo ye yayogedde ebigambo bino
byonna, nze ne mbiwandiika ne bwino ku muzingo."
19 Awo abakungu bonna ne bagamba Baluki nti, "Ggwe ne Yeremiya
mugende mwekweke. Temukkiriza muntu yenna kumanya gye muli."
20 Bwe baamala okutereka omuzingo mu kisenge kya Erisaama
omuwandiisi, ne bagenda eri kabaka mu luggya ne bamutegeeza byonna.
21 Kabaka n'atuma Yekudi okuleeta omuzingo, Yekudi n'aguleeta okuva
mu kisenge kya Erisaama omuwandiisi agusomere kabaka n'abakungu
bonna abaali bamuyimiridde ku lusegere.
22 Gwali mwezi gwa mwenda ne kabaka yali atudde mu nnyumba
etuulwamu mu budde obw'obutiti, ng'omuliro gwakira mu kibya kyagwo
mu maaso ge.
23 Buli Yekudi lwe yasomangako empapula ssatu oba nnya ez'omuzingo,
kabaka ng'azisala n'akambe k'omuwandiisi n'azisuula mu muliro okutu-
usa omuzingo gwonna lwe gwajjiira mu muliro.
24 Kabaka n'abantu bonna abaawulira ebigambo bino tebaatya, wadde
okuyuza engoye zaabwe.

25 Newaakubadde nga Erunasani, ne Deraaya ne Gemaliya beegayirira
kabaka obutayokya muzingo, teyabawuliriza.
26 Naye kabaka yalagira Yerameeri mutabani wa kabaka ne Seraya
mutabani wa Azulyeri ne Seremiya mutabani wa Abudeeri okukwata
Baluki omuwandiisi ne nnabbi Yeremiya, wabula MUKAMA ng'abakwese.
27 Kabaka ng'amaze okwokya omuzingo ogwalimu ebigambo Baluki bye
yali awandiise nga Yeremiya abyogera, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira
Yeremiya nti,
28 "Twala omuzingo omulala oguwandiikeko ebigambo byonna ebyali
ku muzingo ogwasooka, Yekoyakimu kabaka wa Yuda gwe yayokya.
29 Gamba ne Yekoyakimu kabaka wa Yuda nti, 'Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA nti, Wayokya omuzingo ogwo n'ogamba nti, "Lwaki waki-
wandiikamu nti kabaka w'e Babulooni alijja azikiririze ddala ensi eno
agimalemu abantu n'ensolo?"
30 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA eri Yekoyakimu kabaka wa
Yuda nti, Tajja kubeera na muntu n'omu kutuula ku ntebe ya Dawudi,
n'omulambo gwe gulisuulibwa ebweru gwanikibwe mu musana emisana
ne mu butiti ekiro.
31 Ndimubonereza n'abaana be, ne bakalabaalaba be olw'okwonoona
kwabwe. Ndimuleetako ne bonna ababeera mu Yerusaalemi ne bonna
ababeera mu Yuda buli kibonoobono kye naboogerako, kubanga tebawul-
irizza.' "
32 Olwo Yeremiya n'atwala omuzingo omulala n'aguwa omuwandiisi
Baluki mutabani wa Neriya; nga Yeremiya ayogera, Baluki yawandiikamu
ebigambo byonna ebyali mu muzingo guli Yekoyakimu kabaka wa Yuda
gwe yayokya mu muliro. N'ebigambo bingi ebifaanana bwe bityo
byayongerwamu.

# 37

*Yeremiya Asibibwa mu Kkomera*

1 Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'afuula Zeddekiya mutabani
wa Yosiya kabaka wa Yuda okuba kabaka wa Yuda mu kifo kya Koniya
mutabani wa Yekoyakimu.
2 Wabula ye wadde abakungu be wadde abantu ab'omu nsi tebaafaayo
ku bigambo MUKAMA bye yali ayogedde ng'ayita mu nnabbi Yeremiya.
3 Wabula kabaka Zeddekiya n'atuma Yekukaali mutabani wa Seremiya
ne Zeffaniya mutabani wa Maaseya kabona eri nnabbi Yeremiya, ba-
mutegeeze nti, "Tusabire eri MUKAMA Katonda waffe."
4 Awo Yeremiya yali alina eddembe okujja nga bw'ayagala mu bantu,
kubanga yali tannaba kuteekebwa mu kkomera.
5 Eggye lya Falaawo lyali livudde e Misiri era Abakaludaaya abaali
balumbye Yerusaalemi bwe baakiwulira, ne bava e Yerusaalemi.
6 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira nnabbi Yeremiya nga kigamba
nti,
7 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri nti, Mugambe
kabaka wa Yuda eyabatumye okunnebuuzako nti, 'Eggye lya Falaawo
erizze okubayambako, lijja kuddayo mu nsi yaalyo e Misiri.
8 Abakaludaaya bakomewo balumbe ekibuga kino; bajja kukiwamba
bakyokye.'
9 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, Temwerimbarimba nga mulowooza
nti, 'Abakaludaaya ddala baakutuleka.' Tebajja kubaleka.

10 Wadde nga mwandiwangudde, eggye lyonna erya Babulooni erib-
alumbye, abatuusiddwako ebisago bokka nga be basigadde mu weema
zaabwe, bandivuddeyo ne bookya ekibuga kino."

11 Awo eggye ly'Abakaludaaya nga livudde mu Yerusaalemi olw'eggye
lya Falaawo,

12 Yeremiya n'ava mu kibuga agende mu bitundu bya Benyamini afune
omugabo gwe ogw'ebintu mu bantu eyo.

13 Naye bwe yatuuka ku mulyango gwa Benyamini, Omukulu
w'abaserikale eyali ayitibwa Iriya mutabani wa Seremiya mutabani wa
Kananiya n'amukwata n'agamba nti, "Ogenda kwegatta ku Bakaludaaya!"

14 Yeremiya n'amuddamu nti, "Ompayiriza! Sigenda kusenga Bakalu-
daaya." Naye Iriya n'atamuwuliriza; n'akwata Yeremiya n'amutwala eri
abakungu.

15 Baanyiigira Yeremiya ne bamukuba ne bamusibira mu nnyumba ya
Yonasaani omuwandiisi, gye baali bafudde ekkomera.

16 Yeremiya yateekebwa mu kasenge akaali mu kkomera mwe yamala
ebbanga eddene.

17 Awo kabaka Zeddekiya n'amutumya n'amuleeta mu lubiri gye ya-
mubuuliza mu kyama nti, "Olinayo ekigambo kyonna okuva eri MUKAMA?"
Yeremiya n'addamu nti, "Weewaawo, ojja kuweebwayo eri kabaka w'e
Babulooni."

18 Awo Yeremiya n'agamba Kabaka Zeddekiya nti, "Musango ki gwe
nzizizza gy'oli oba eri abakungu bo oba abantu bano; mulyoke munteeke
mu kkomera?

19 Bannabbi bo baluwa abakulagula nti, 'Kabaka w'e Babulooni tajja
kukulumba ggwe wadde ensi eno?

20 Naye kaakano mukama wange kabaka nsaba owulirize, nkwegayirira,
tonzizaayo mu nnyumba ya Yonasaani omuwandiisi, kuba nandifiira
eyo.' "

21 Kabaka Zeddekiya n'alyoka alagira Yeremiya okuteekebwa mu luggya
lw'abakuumi n'aweebwanga omugaati buli lunaku okuva ew'omufumbi
waagyo mu Yerusaalemi, okutuusa emigaati lwe gyaggwa mu kibuga. Awo
Yeremiya n'asigala mu luggya lw'abaserikale abakuumi.

# 38

*Yeremiya Asuulibwa mu Kinnya*

1 Awo Sefatiya mutabani wa Mattani ne Gedaliya mutabani wa Pasukuli
ne Yukali mutabani wa Malukiya ne bawulira ebigambo Yeremiya bye yali
agamba abantu bonna nti,

2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Buli muntu anaasigala mu kibuga
kino ajja kufa ekitala, enjala oba kawumpuli, naye buli afuluma n'agenda
eri Abakaludaaya ajja kuba mulamu.'

3 Era bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Ekyamazima ekibuga kino kya
kuweebwayo eri eggye lya kabaka w'e Babulooni; anaakiwamba.' "

4 Awo abakungu ne bagamba kabaka nti, "Omusajja ono asaana
kuttibwa. Amalamu abaserikale abasigadde mu kibuga amaanyi, era
n'abantu bonna, olw'ebintu by'abagamba. Omuntu ono tanoonya bulungi
bw'abantu naye kuzikirizibwa kwabwe."

5 Kabaka Zeddekiya n'addamu nti, "Ali mu mikono gyammwe, siyinza
kubawakanya."

6 Awo ne batwala Yeremiya ne bamuteeka mu kinnya kya Malukiya
mutabani wa kabaka ekyali mu luggya lw'abakuumi. Yeremiya ne
baamussaayo n'emiguwa mu kinnya. Tekyalimu mazzi wabula ebitosi,
era omwo Yeremiya mwe yabbika.
7 Naye Ebedumeleki Omuwesiyopya omu ku balaawe b'omu lubiri lwa
kabaka bwe yawulira nga batadde Yeremiya mu kinnya, nga ne kabaka
atudde ku mulyango gwa Benyamini,
8 Ebedumeleki n'ava mu lubiri n'agenda eri kabaka n'amugamba nti,
9 "Mukama wange kabaka, abantu bano bakoze bubi mu byonna bye
bakoze nnabbi Yeremiya okumusuula mu kinnya, gy'anafiira enjala nga
tekyali mugaati gwonna mu kibuga."
10 Awo kabaka n'alagira Ebedumeleki Omuwesiyopya nti, "Twala
abasajja amakumi asatu okuva wano musitule nnabbi Yeremiya okuva
mu kinnya nga tannafa."
11 Awo Ebedumeleki n'atwala abasajja ne bagenda mu kisenge wansi
w'etterekero ly'ensimbi mu lubiri. Nakwata ebigoye ebimu ebikadde
n'engoye enziinaziina n'abissa awamu n'emiguwa eri Yeremiya mu
kinnya.
12 Ebedumeleki Omuwesiyopya n'agamba Yeremiya nti, "Teeka ebigoye
bino ebikadde wansi w'enkwawa zo okunyweza emiguwa wansi
w'emikono gyo." Yeremiya n'akola bw'atyo.
13 Ne bamusikayo n'emiguwa ne bamuggya mu kinnya. Yeremiya
n'asigala mu luggya lw'abakuumi.

### *Zeddekiya Addamu Okubuuza Yeremiya*

14 Kabaka Zeddekiya n'atumya nnabbi Yeremiya bamuleete ku
mulyango ogwokusatu ogwa yeekaalu ya MUKAMA. Kabaka n'agamba
Yeremiya nti, "Nnina kye ŋŋenda okukubuuza. Tobaako ky'onkweka."
15 Yeremiya n'agamba Zeddekiya nti, "Bwe nnaakuddamu tonzite? Ne
bwe nnaakuwa amagezi tojja kumpuliriza."
16 Naye kabaka Zeddekiya n'alayira ekirayiro mu kyama eri Yeremiya
nti, "Nga Katonda bw'ali omulamu, eyatuwa omukka gwe tussa, sijja
kukutta wadde okukuwaayo eri abo abanoonya okukutta."
17 Awo Yeremiya n'agamba Zeddekiya nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA
Katonda ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, 'Singa weewaayo eri
abakungu ba kabaka w'e Babulooni, ojja kukuumibwa bulungi tootuukib-
weko kabi konna, n'ekibuga kino tekijja kwokebwa; ggwe n'ab'omu maka
go munaabeera balamu.
18 Naye bw'oteweeyo eri abakungu ba kabaka w'e Babulooni, ekibuga
kino kijja kuweebwayo eri Abakaludaaya bakyokye; nawe wennyini tojja
kubawona.' "
19 Kabaka Zeddekiya n'agamba Yeremiya nti, "Ntya Abayudaaya abad-
dukidde mu Babulooni, kubanga Abakaludaaya bayinza okumpaayo gye
bali ne bambonyaabonya."
20 Yeremiya n'amuddamu nti, "Tebaakuweeyo. Ggwe gondera MUKAMA
Katonda ng'okola kye nkugamba. Olwo binaakugendera bulungi, nawe
tojja kuttibwa.
21 Naye bwonoogaana okwewaayo, kino MUKAMA kyandaze:
22 Abakazi bonna abasigadde mu lubiri lwa kabaka wa Yuda bajja
kuleetebwa eri abakungu ba kabaka w'e Babulooni, bakugambe nti,
" 'Mikwano gyo gye weesiga
baakubuzaabuza ne bakuwangula.
Kaakano otubidde mu ttosi.

Mikwano gyo gikudduseeko.'
23 "Bakazi bo n'abaana bo bonna balireetebwa eri Abakaludaaya. Ggwe
kennyini tojja kubasumattuka ojja kukwatibwa kabaka w'e Babulooni;
n'ekibuga kino kijja kwokebwa."
24 Awo Zeddekiya n'agamba Yeremiya nti, "Tobuulirako muntu n'omu
ku bye twogedde, bw'onookikola ojja kufa.
25 Abakungu bwe banaawulira nti wayogeddeko nange ne bajja
ne bakubuuza nti, 'Tubuulire kye wagambye kabaka ne kabaka kye
yakuzeemu, totukweka kintu kyonna sikulwa nga tukutta,'
26 bagambe nti, 'Mbadde neegayirira kabaka aleme kunzizaayo eri mu
nnyumba ya Yonasaani okufiira eyo.' "
27 Abakungu bonna ne bajja eri Yeremiya okumubuuza, n'abaddamu
byonna nga kabaka bye yamulagira okwogera. Ne bataddayo ku mubuuza
kintu kyonna, kubanga tewaali n'omu eyali awulidde bye yali ayogedde
ne kabaka.
28 Yeremiya n'asigala mu luggya lw'abakuumi okutuusa olunaku
Yerusaalemi lwe kyawambibwa.

*Okugwa kwa Yerusaalemi*

Yerusaalemi bwe kiti bwe kyawambibwa:

# 39

1 Mu mwaka ogwomwenda ogw'obufuzi kwa Zeddekiya kabaka wa
Yuda, mu mwezi ogw'ekkumi, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni,
n'alumba Yerusaalemi, n'eggye lye lyonna, n'akizingiza.
2 Ku lunaku olw'omwenda olw'omwezi ogwokuna ogw'omwaka
ogw'ekkumi n'ogumu ogw'obufuzi kwa Zeddekiya, ekisenge ky'ekibuga
kyabotolwa.
3 Awo Nerugalusalezeeri, ne Samugaluneebo, ne Salusekimu, ne
Labusalisi, ne Nerugalusalezeeri, ne Labumagi, n'abakungu abalala bonna
aba kabaka w'e Babulooni ne bajja ne batuula mu mulyango ogwa wakati
ogwa Yerusaalemi.
4 Awo Zeddekiya kabaka wa Yuda n'abaserikale be bonna bwe babalaba
ne bava mu kibuga kiro ne badduka; ne bayita mu nnimiro ya kabaka, nga
bayita mu mulyango wakati w'ebisenge ebibiri, ne boolekera Alaba.
5 Naye eggye ly'Abakaludaaya ne libagoba ne lisanga Zeddekiya mu
nsenyi ez'e Yeriko, ne bamuwamba, ne bamuleeta eri kabaka Nebukad-
duneeza ow'e Babulooni e Libuna mu nsi y'e Kamasi; n'amusalira eyo
omusango.
6 Kabaka w'e Babulooni n'attira batabani ba Zeddekiya mu maaso ga
kitaabwe e Libuna, era kabaka w'e Babulooni n'atta abakungu ba Yuda
bonna.
7 Nebukadduneeza n'aggyamu Zeddekiya amaaso, n'amusiba mu
masamba n'amutwala e Babulooni.
8 Abakaludaaya ne bookya ennyumba ya kabaka n'ennyumba z'abantu,
ne bamenya n'ebisenge bya Yerusaalemi.
9 Awo Nebuzaladaani omuduumizi w'eggye n'atwala abantu abaali
basigaddewo mu kibuga, n'abo abaali bamwegasseeko, n'abo abaali
basigaddewo mu bifo ebirala, e Babulooni.
10 Nebuzaladaani omuduumizi w'eggye, n'aleka abamu ku bantu abaavu
abaali batalina kantu, mu nsi ya Yuda; n'abawa ebibanja n'ennimiro
z'emizabbibu.

11 Awo Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni yali awadde Nebuzaladaani omuduumizi w'eggye lya kabaka w'e Babulooni, ebiragiro bino ebikwata ku Yeremiya ng'amugamba nti,
12 "Mmutwale omulabirire: tomubonyaabonya wabula mukolere byonna by'ayagala."
13 Awo Nebuzaladaani omuduumizi w'eggye, ne Nebusazibaani omukungu ow'oku ntikko ne Nerugalusalezeeri, ne Labumagi, n'abakungu bonna aba kabaka w'e Babulooni,
14 ne batumya ne baggya Yeremiya mu luggya lw'abaserikale. Ne bamukwasa Gedaliya mutabani wa Akikamu, mutabani wa Safani, amuzzeeyo ewaabwe. Olwo n'asigala n'abantu be.
15 Yeremiya bwe yali asibiddwa mu luggya lw'abaserikale abakuumi, ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira nga kigamba nti,
16 "Genda ogambe Ebedumeleki Omuwesiyopya nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Nnaatera okutuukiriza ebigambo byange eri ekibuga kino nga nkozesa ebibonoobono, si kukulaakulana. Mu biseera ebyo birituukirizibwa nga mulaba n'amaaso gammwe.
17 Naye ndikuwonya ku lunaku olwo,' bw'ayogera MUKAMA; 'toliweebwayo eri abo b'otya.
18 Ndikuwonya; tolittibwa, olisigala ng'oli mulamu, kubanga onneesiga, bw'ayogera MUKAMA.' "

# 40

1 Ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya, nga Nebuzaladaani omuduumizi w'abambowa amusumuludde e Laama, bwe yamusanga ng'asibiddwa mu masamba n'abasibe abalala bonna ab'e Yerusaalemi ne Yuda abaali batwalibwa e Babulooni mu busibe.
2 Omuduumizi w'abaserikale yatwala Yeremiya n'amugamba nti, "MUKAMA Katonda wo, ye yaleeta ekivume kino ku kifo kino.
3 Kaakano MUKAMA akireese era akikoze nga bwe yasuubiza. Bino byonna byabaawo kubanga abantu bo baasobya eri MUKAMA ne batamugondera.
4 Naye leero nkusumulula okuva mu njegere ez'oku mikono gyo. Jjangu tugende ffembi e Babulooni obanga oyagala, nnaakulabirira; naye bw'oba nga toyagala, tojja. Laba, ensi yonna eri mu maaso go, genda yonna gy'oyagala."
5 Wabula Yeremiya nga tannaba kukyuka kugenda, Nebuzaladaani n'ayongerako nti, "Ddayo eri Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani, kabaka w'e Babulooni gw'afudde Gavana w'ebibuga bya Yuda, obeere naye mu bantu, oba genda yonna gy'osiima okubeera." Awo omuduumizi w'abambowa n'amuwa ebyokulya n'ekirabo n'amuleka.
6 Awo Yeremiya n'agenda ewa Gedaliya mutabani wa Akikamu e Mizupa n'abeera naye n'abantu abaaliyo abaali balekeddwa mu nsi eyo.

### *Gedaliya Attibwa*

7 Awo abakulu b'eggye lya Yuda bonna n'abasajja baabwe abaali bakyali mu byalo ne bawulira nti, Kabaka w'e Babulooni alonze Gedaliya omwana wa Akikamu okuba Gavana w'ensi era ng'amuwadde obuvunaanyizibwa bw'abantu bonna, abasajja, n'abakazi, n'abaana, n'abaali basembayo obwavu mu nsi abataatwalibwa mu buwaŋŋanguse e Babulooni.
8 Awo Isimayiri mutabani wa Nesaniya, ne Yokanaani ne Yonasaani batabani ba Kaleya, ne Seraya mutabani wa Tanukumesi, ne batabani

ba Efayi Omunetofa, ne Yezaniya omwana w’omu Maakasi, ne bagenda
n’abasajja baabwe eri Gedaliya e Mizupa.
9 Awo Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani n’abalayirira
bo n’abasajja baabwe ng’ayogera nti, “Temutya kuweereza Bakaludaaya.
Mubeere mu nsi, muweereze kabaka w’e Babulooni munaaba bulungi.
10 Nze kennyini nzija kusigala e Mizupa okubakiikirira eri Abakaludaaya
abajja gye tuli, naye mmwe mukungule emizabbibu, n’ebibala eby’omu
kyeya, mukuŋŋaanye n’omuzigo mubiteeke mu materekero gammwe,
mubeere mu bibuga bye mufuga.”
11 Awo Abayudaaya bonna mu Mowaabu, ne Amoni, ne Edomu n’ensi
endala zonna bwe baawulira nti, Kabaka w’e Babulooni yali aleseeyo
abantu mu Yuda era nga ataddewo Gedaliya mutabani wa Akikamu,
mutabani wa Safani okuba Gavana waabwe,
12 bonna ne bakomawo mu nsi ya Yuda eri Gedaliya e Mizupa, ne bava
mu nsi zonna gye baali basaasaanidde. Ne bakungula ebirime mu bungi,
emizabbibu n’ebibala eby’omu kyeya.
13 Awo Yokanaani mutabani wa Kaleya n’abakulu bonna ab’ebibinja bya
magye abaali mu byalo ne bajja eri Gedaliya e Mizupa.
14 Ne bamugamba nti, “Tomanyi nga Baalisi kabaka w’abaana ba Amoni
atumye Isimayiri mutabani wa Nesaniya okukutta?” Naye Gedaliya
mutabani wa Akikamu teyakikkiriza.
15 Awo Yokanaani mutabani wa Kaleya n’ayogera ne Gedaliya e
Mizupa kyama ng’agamba nti, “Ka ŋŋende nkwegayiridde nzite Isimayiri
mutabani wa Nesaniya, so tewaliba muntu alikimanya. Lwaki akutta,
Abayudaaya bonna abakuŋŋaanidde gy’oli basaasaane, ekitundu kya
Yuda ekifisseewo nakyo kizikirire?”
16 Naye Gedaliya mutabani wa Akikamu n’agamba Yokanaani mutabani
wa Kaleya nti, “Tokola kintu bwe kityo! Ky’oyogera ku Isimayiri si
kituufu.”

# 41

1 Mu mwezi ogw’omusanvu Isimayiri mutabani wa Nesaniya, mutabani
wa Erisaama, omu ku balangira ate nga ye omu ku bakulu b’eggye
lya Yuda n’ajja n’abasajja kkumi eri Gedaliya mutabani wa Akikamu e
Mizupa. Bwe baali nga balya,
2 Isimayiri mutabani wa Nesaniya n’abasajja ekkumi abaali naye ne
bayimuka ne batta Gedaliya, mutabani wa Akikamu, mutabani wa Safani,
n’ekitala, gavana, kabaka w’e Babulooni gwe yali ataddewo okufuga mu
nsi.
3 Isimayiri n’atta n’Abayudaaya bonna abaali ne Gedaliya e Mizupa,
n’abaserikale Abakaludaaya abaaliyo.
4 Olunaku olwaddirira Gedaliya ng’amaze okuttibwa, nga
tewannabaawo akimanyiiko,
5 abasajja kinaana abaali beemwedde ebirevu, nga bayuzizza engoye
zaabwe era nga beesazeesaze, bajja okuva e Sekemu, ne Siiro ne Samaliya,
nga baleese ekiweebwayo eky’emmere ey’empeke n’obubaane eby’omu
nnyumba ya MUKAMA.
6 Isimayiri omwana wa Nesaniya n’ava e Mizupa okubasisinkana
ng’agenda bw’akaaba. Bwe yabatuukako, n’abagamba nti, “Mujje eri
Gedaliya omwana wa Akikamu.”
7 Bwe baatuuka mu kibuga, Isimayiri mutabani wa Nesaniya n’abasajja
be ne batta abamu ku basajja abo, ne babasuula mu kinnya.

8 Naye kkumi ku bo ne bagamba Isimayiri nti, "Totutta! Tulina eŋŋaano
ne sayiri, n'omuzigo, n'omubisi gw'enjuki, tubikwese mu nnimiro." Awo
ne babaleka ne batabattira wamu na bali abalala.
9 Ekinnya mwe baasuula emirambo gy'abasajja bonna be battira awamu
ne Gedaliya, kye kiri kabaka Asa kye yali asimye ng'alwanyisa Baasa
kabaka wa Isirayiri. Isimayiri mutabani wa Nesaniya yakijjuza abafu.
10 Isimayiri n'awamba abantu bonna abalala abaali e Mizupa, abawala
ba kabaka n'abalala bonna abaali basigaddeyo, Nebuzaladaani omudu-
umizi w'eggye lya kabaka Nebukadduneeza be yali awadde Gedaliya
mutabani wa Akikamu. Isimayiri mutabani wa Nesaniya n'abatwala nga
bawambe ne yeetegeka okubasomosa okubatwala eri Abamoni.
11 Yokanaani mutabani wa Kaleya n'abaduumizi bonna abaali naye bwe
baawulira ebikolobero Isimayiri mutabani wa Nesaniya bye yali akoze,
12 ne batwala abasajja baabwe bonna ne bagenda okulwanyisa Isimayiri
mutabani wa Nesaniya. Ne bamutuukako okumpi n'amazzi amangi e
Gibyoni.
13 Abantu bonna abaali ne Isimayiri bwe baalaba Yokanaani mutabani
wa Kaleya n'abaduumizi ba magye be yali nabo, ne basanyuka.
14 Abantu bonna Isimayiri be yali awambye e Mizupa ne bakyuka ne
bagenda eri Yokanaani mutabani wa Kaleya.
15 Naye Isimayiri mutabani wa Nesaniya ne basajja be munaana ne
batoloka okuva ku Yokanaani ne bagenda mu ba Amoni.
16 Awo Yokanaani mutabani wa Kaleya n'abaduumizi b'eggye bonna
abaali naye ne batwala abawambe okuva e Mizupa be baali baggye ku
Isimayiri mutabani wa Nesaniya ng'amaze okutta Gedaliya mutabani wa
Akikamu: abaserikale, n'abakazi, n'abaana n'abakungu b'omu lubiri be
yali aggye e Gibyoni.
17 Ne beeyongerayo ne bayimirirako e Gerusukimamu okumpi ne
Besirekemu, nga boolekedde e Misiri,
18 badduke Abakaludaaya. Baali batidde Abakaludaaya kubanga Isi-
mayiri mutabani wa Nesaniya yali asse Gedaliya mutabani wa Akikamu,
oyo kabaka w'e Babulooni gwe yali ataddewo okufuga ensi nga gavana.

# 42

1 Awo abaduumizi ba magye bonna, ng'ogasseeko Yokanaani mutabani
wa Kaleya ne Yezaniya mutabani wa Kosaaya, n'abantu bonna okuva ku
asokerwako wansi okutuuka ku akomererayo waggulu baatuukirira
2 nnabbi Yeremiya ne bamugamba nti, "Tukwegayiridde, wulira okusaba
kwaffe osabe MUKAMA Katonda wo ku lw'abantu bano bonna abafisseewo.
Kale naawe nga bw'olaba, abaali abangi kaakano tusigaddewo batono
nnyo.
3 Saba MUKAMA Katonda wo atubuulire gye tusaanye okulaga ne kye
tusaanye okukola."
4 Nnabbi Yeremiya n'abagamba nti, "Mbawulidde, ddala nzija
kubasabira eri MUKAMA Katonda wammwe nga bwe munsabye; nzija
kubabuulira byonna MUKAMA by'anaŋŋamba, sirina kye nnaabakisa."
5 Awo ne bagamba Yeremiya nti, "MUKAMA abeere omujulirwa
ow'amazima era omwesigwa gye tuli, bwe tutalikola kyonna MUKAMA
Katonda wo ky'anaakutuma okutugamba.
6 Oba kyangu oba kikalubo tujja kugondera MUKAMA Katonda waffe, gye
tukutuma kaakano, tulyoke tufune emirembe, kubanga tujja kugondera
MUKAMA Katonda waffe."

7 Bwe waayitawo ennaku kkumi ekigambo kya MUKAMA ne kijjira
Yeremiya.
8 N'alyoka ayita Yokanaani omwana wa Kaleya n'abaduumizi b'eggye
lya Yuda bonna abaali naye, n'abantu bonna okuva ku asokerwako wansi
okutuuka ku akomererayo waggulu.
9 N'abagamba nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri,
gye mwantuma okubabuuliza nti,
10 'Bwe munaasigala mu nsi eno, nzija kubazimba era siibaleke
kugwa. Nzija kubasimba so si kubasimbula, kubanga nnumiddwa
olw'ekikangabwa kye mbatuusizzaako.
11 Temutya kabaka w'e Babulooni, kaakano gwe mutya. Temumutya,
bw'ayogera MUKAMA, kubanga ndi nammwe era nzija kubalokola, mba-
nunule mu mukono gwa kabaka oyo.
12 Nzija kubalaga ekisa alyoke abakwatirwe ekisa, abakomyewo mu nsi
yammwe.'
13 "Wabula bwe mugamba nti, 'Tetuusigale mu nsi eno gye mbakomez-
zaamu,' olwo munaaba temugondedde MUKAMA Katonda wammwe.
14 Bwe mugamba nti, 'Nedda, tujja kugenda tubeere e Misiri, gye
tutaalabe ntalo wadde okuwulira ekkondeere nga livuga oba okubulwa
omugaati ogw'okulya,'
15 kale nno muwulire ekigambo kya MUKAMA, mmwe abaasigalawo mu
Yuda. Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
'Bwe munaamalirira okugenda e Misiri era ne mugenda okubeererayo
ddala,
16 olwo ekitala kye mutya kijja kubasanga eyo, n'enjala gye mutya ejja
kubagoberera e Misiri era eyo gye mulifiira.
17 Mumanyire ddala nti, Abo bonna abamaliridde okugenda e Misiri
okusenga eyo balifa kitala, n'enjala ne kawumpuli; tewaliba n'omu
alisigalawo wadde okuwona ekikangabwa kye ndibaleetako.'
18 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
'Ng'obusungu bwange n'ekiruyi bwe bifukiddwa ku abo abali mu
Yerusaalemi, bwe kityo ekiruyi kyange bwe kinaafukibwa ku mmwe bwe
munaagenda e Misiri. Munaabeera kya kukolimirwa, era kya ntiisa, era
kya kusalirwa musango era kivume: temuliraba kifo kino nate.'
19 "Mmwe abafisseewo ku Yuda, MUKAMA abagambye nti, 'Temugenda
Misiri.' Mumanye kino nga mbalabula leero
20 nti, Mwakola ekisobyo kinene bwe mwantuma eri MUKAMA Katonda
wammwe ne mugamba nti, 'Tusabire eri MUKAMA Katonda waffe: tubu-
ulire byonna by'agamba tujja kubikola.'
21 Mbabuulidde leero, naye era temugondedde MUKAMA Katonda
wammwe mu byonna bye yantuma okubagamba.
22 Kale nno mutegeerere ddala kino nga mulittibwa na kitala, oba njala
oba kawumpuli mu nsi gye mwagala okugenda okusengamu."

# 43

1 Yeremiya bwe yamala okutegeeza abantu ebigambo byonna MUKAMA
Katonda waabwe bye yamutuma okubagamba,
2 Azaliya mutabani wa Kosaaya ne Yokanaani mutabani wa Kaleya
n'abasajja bonna ab'amalala ne bagamba Yeremiya nti, "Olimba! MUKAMA
Katonda wo takutumye kugamba nti, 'Temugenda Misiri kusenga eyo.'

3 Naye Baluki mutabani wa Neriya y'akusendasenda otugabule mu mukono gw'Abakaludaaya, batutte oba batutwale mu buwaŋŋanguse e Babulooni."

4 Awo Yokanaani mutabani wa Kaleya n'abaduumizi ba magye bonna n'abantu bonna ne bajeemera ekiragiro kya MUKAMA eky'okusigala mu nsi ya Yuda.

5 Yokanaani mutabani wa Kaleya n'abaduumizi ba magye ga Yuda bonna ne bakulembera abantu ba Yuda abaali basigaddewo nga bakomyewo okuva mu mawanga gonna gye baali baddukidde okubeera mu nsi ya Yuda.

6 Ne batwala n'abasajja bonna, n'abakazi n'abaana n'abawala ba kabaka, Nebuzaladaani omuduumizi w'eggye lya kabaka w'e Babulooni be yali alekedde Gedaliya mutabani wa Akikamu, mutabani wa Safani, ne nnabbi Yeremiya ne Baluki mutabani wa Neriya.

7 Awo ne bayingira e Misiri nga bajeemedde MUKAMA, ne bagenda okutuukira ddala e Tapaneese.

8 Bwe baba bali e Tapaneese, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yeremiya nti,

9 "Twala amayinja amanene ogaziike mu bbumba mu lubalaza olw'amatoffaali ku mulyango gw'olubiri lwa Falaawo e Tapaneese, ng'Abayudaaya bonna balaba.

10 Obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Nditumya omuddu wange Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni, era nditeeka entebe ye ey'obwakabaka ku mayinja gano ge nziise wano. Ku go kwalikuba eweema ye ey'obwakabaka.

11 Alijja n'alumba Misiri, atte abo ab'okufa, awambe n'abo ab'okuwambibwa, n'ab'okuttibwa n'ekitala battibwe n'ekitala.

12 Alikoleeza omuliro ku masabo ga bakatonda b'e Misiri, n'abatwala mu busibe nga alese amasabo gaabwe agookezza. Ng'omulunzi w'endiga bwe yeezingirira ekyambalo kye, bw'atyo bw'alyezingirira ensi y'e Misiri n'avaayo nga tewali kabi konna kamutuuseeko.

13 Alimenyamenya empagi ezaawongebwa mu ssabo ly'enjuba mu Misiri, n'ayokya n'amasabo ga bakatonda b'e Misiri.' "

# 44

1 Ekigambo ne kijjira Yeremiya ekikwata ku Bayudaaya bonna abaali mu nsi y'e Misiri e Migudooli n'e Tapaneese n'e Noofu ne mu nsi ey'e Pasuloosi nga kigamba nti,

2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Mwalaba ekikangabwa ekinene kye naleeta ku Yerusaalemi ne ku bibuga byonna ebya Yuda. Leero matongo

3 olw'ebibi bye baakola. Bankwasa obusungu olw'okwotereza bakatonda abalala obubaane n'okusinza, bo newaakubadde mmwe wadde bajjajjammwe be batamanyangako.

4 Emirundi mingi natuma abaddu bange bannabbi, abaabagamba nti, 'Temukola bintu bino eby'omuzizo bye nkyawa!'

5 Naye tebaawulira wadde okufaayo; tebaalekayo mpisa zaabwe embi wadde okulekayo okwotereza bakatonda abalala obubaane.

6 Noolwekyo, obusungu bwange obungi ennyo kyebwava bubabuubuukira; ne buzinda ebibuga bya Yuda n'enguudo za Yerusaalemi era ne bifuuka amatongo, ne leero.

7 “Kale kaakano bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Lwaki mweretako akabi akanene bwe kati nga musala ku Yuda abasajja n’abakazi, n’abaana abato n’abawere aba Yuda ne mutalekaawo muntu?

8 Lwaki munsunguwaza olw’ebyo emikono gyammwe bye gikoze, nga mwotereza bakatonda abalala obubaane e Misiri, gye mwajja okubeera? Mujja kwezikiriza mufuuke eky’omuzizo n’eky’okukolimirwa mu mawanga gonna ag’omu nsi.

9 Mwerabidde ebibi bakitammwe ne bakabaka ba Yuda ne bakazi bammwe bye baakola era n’ebibi bye mwakola mmwe ne bakazi bammwe mu nsi ya Yuda ne mu nguudo za Yerusaalemi?

10 Naye n’okutuusa leero tebeetoowazizza wadde okutya, wadde okugondera amateeka gange n’ebiragiro bye nabateekerawo mmwe ne bajjajjammwe.

11 “Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti, Mmaliridde okubazikiriza mmwe ne Yuda yonna.

12 Ndiggyawo abaasigalira mu Yuda abaamalirira okugenda e Misiri okusenga eyo. Bonna balizikiririra mu Misiri, balifa ekitala oba enjala. Okuva ku muto okutuuka ku mukulu asingayo balifa era balifuuka ekyenyinyalwa n’eky’okusekererwa era n’okukolimirwa.

13 Ndibonereza abo ababeera mu Misiri, bafe ekitala, n’enjala ne kawumpuli, nga bwe nabonereza Yerusaalemi.

14 Tewali n’omu ku baasigalawo mu Yuda eyaddukira e Misiri, aliwona oba alisigalawo okudda mu nsi ya Yuda, gye beegomba okudda, tewali aliddayo okuggyako abatono ennyo.”

15 Awo abasajja bonna abaali bamanyi nga bakazi baabwe baali bootereza bakatonda abalala obubaane, n’abakazi abalala abaaliwo, olukuŋŋaana nga lunene n’abantu bonna abaali babeera mu Misiri e Pasuloosi, ne baddamu Yeremiya nga boogera nti,

16 “Tetujja kuwulira bubaka bw’oyogedde naffe mu linnya lya MUKAMA!

17 Tujja kukola byonna bye twagambye okukola. Tujja kwotereza kabaka omukazi ow’eggulu obubaane, tuweeyo n’ebiweebwayo ebyokunywa nga bwe twakolanga, ffe ne bakitaffe, ne bakabaka baffe n’abakungu baffe mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo z’e Yerusaalemi. Mu biseera ebyo twalina emmere nnyingi era nga tuli bulungi nga tetutuukibwako kabi.

18 Naye okuva lwe twalekeraawo okwotereza kabaka omukazi ow’eggulu obubaane, n’okumuwa ekiweebwayo ekyokunywa, tetubadde na kantu konna era tubadde tuzikirira n’ekitala n’enjala.”

19 Abakazi ne bongerako nti, “Bwe twayotereza kabaka omukazi ow’eggulu obubaane ne tumuwa n’ekiweebwayo ekyokunywa, abaami baffe tebaamanya nti twali tumukolera obugaati obuliko ekifaananyi kye ne tumuwa n’ekiweebwayo ekyokunywa?”

20 Awo Yeremiya n’agamba abantu bonna, abasajja n’abakazi n’abantu bonna abaali bamuzzeemu nti,

21 “Obubaane bwammwe bwe mwayotereza mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo za Yerusaalemi, mmwe ne bakitammwe, ne bakabaka bammwe, n’abakungu n’abantu bonna mu nsi, ebyo MUKAMA si bye yajjukira n’alowoozaako?

22 MUKAMA nga takyayinza kugumiikiriza bikolwa byammwe bibi n’eby’emizizo bye mwakola, ensi yammwe kyeyava efuuka ekikolimo n’ekyenyinyalwa era eteriimu bantu, nga bweri leero.

23 Kubanga mwotereza obubaane abalala era ne mukola ebibi mu maaso
ga MUKAMA Katonda ne mutamugondera wadde okugoberera amateeka ge
oba ebiragiro bye oba bye yategeeza, emitawaana gibagidde nga kaakano
bwe mulabye."
24 Awo Yeremiya n'agamba abantu bonna, ng'ogasseeko abakazi nti,
"Muwulire ekigambo kya MUKAMA Katonda, abantu mwenna aba Yuda
mu Misiri.
25 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
mmwe ne bakazi bammwe mulaze mu bikolwa byammwe ebyo bye mwa-
suubiza nti, 'Tujja kukola nga bwe tweyama okwotereza kabaka omukazi
ow'eggulu obubaane era n'okumuwa ekiweebwayo ekyokunywa.'
"Mugende mu maaso, mukole bye mwasuubiza! Mutuukirize ob-
weyamo bwammwe!
26 Naye muwulire ekigambo kya MUKAMA, mmwe Abayudaaya mwenna
abali mu Misiri. 'Ndayira mu linnya lyange ekkulu,' bw'ayogera MUKAMA
nti, 'Tewali n'omu ku abo abaava mu Yuda ababeera mu Misiri, aliddayo
okuyita erinnya lyange wadde okulayira nti, "Nga MUKAMA Katonda bw'ali
omulamu."
27 Kubanga mbawaddeyo eri akabi, si lwa bulungi; Abayudaaya abali
mu Misiri balimalibwawo n'ekitala n'enjala okutuusa bonna lwe baligg-
waawo.
28 Abo abaliwona ekitala ne baddayo mu Yuda okuva e Misiri baliba
batono nnyo. Olwo abalisigalawo bonna okuva mu Yuda abajja okubeera
mu Misiri, balitegeera ekigambo ekirikola, ekyange oba ekyabwe.
29 " 'Kano ke kanaabeera akabonero gye muli nti ndibabonerereza
mu kifo kino,' bw'ayogera MUKAMA, 'Mulyoke mumanye nga okulabula
kwange okw'okubabonereza kujja kutuukirira.'
30 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Ŋŋenda kuwaayo Falaawo Kofera
kabaka w'e Misiri eri abalabe be abanoonya okumutta, nga bwe n'awaayo
Zeddekiya kabaka wa Yuda eri Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni,
omulabe eyamunoonya okumutta.' "

# 45

*Obubaka eri Baluki*

1 Kino kye kigambo nnabbi Yeremiya kye yagamba Baluki mutabani wa
Neriya mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa Yekoyakimu mutabani wa
Yosiya kabaka wa Yuda, nga Baluki amaze okuwandiika ku muzingo nti,
2 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA, Katonda wa Isirayiri gy'oli, ggwe Baluki
nti,
3 Wagamba nti, 'Zinsanze. MUKAMA Katonda agasse ennaku ku bulumi
bwange; mpweddemu endasi era zijjudde okusinda n'obutawummula.' "
4 MUKAMA yagamba nti, "Mugambe bw'oti nti, 'Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA Katonda nti: ndimenya bye nazimba, nkuule bye nasimba, mu
ggwanga lyonna.
5 Kale lwaki weenoonyeza ebintu ebirungi? Tobinoonya. Kubanga
ndireeta akabi ku bantu bonna, bw'ayogera MUKAMA Katonda, naye buli
gy'olaga nnaakuyambanga osigale ng'oli mulamu.' "

# 46

*Obubaka Obukwata ku Misiri*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA Katonda ekyajjira nnabbi Yeremiya
ekikwata ku mawanga:

2 Ebikwata ku Misiri:

Buno bwe bubaka obukwata ku ggye lya Falaawo Neko kabaka w'e Misiri, eryawangulwa e Kalukemisi, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni lye yakuba mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda ku Mugga Fulaati.
3 "Mutegeke engabo zammwe,
ennene n'entono mukumbe okugenda mu lutalo!
4 Mutegeke embalaasi
muzeebagale!
Muyimirire mu bifo byammwe
n'esseppeewo zammwe!
Muzigule amafumu,
mwambale ebizibaawo eby'ebyuma!
5 Kiki kye ndaba?
Batidde,
badda ennyuma,
abalwanyi baabwe bawanguddwa.
Badduka mu bwangu
awatali kutunula mabega,
era waliwo okufa ku buli luuyi,"
bw'ayogera Mukama Katonda.
6 "Abawenyusi b'embiro tebasobola kuwona
n'ab'amaanyi tebasobola kwewonya.
Beesittala
ne bagwa mu bukiikakkono obw'Omugga Fulaati.

7 "Ani oyo ayimuka ng'omugga Kiyira,
ng'emigga egy'amazzi agabimba?
8 Misiri eyimuka nga Kiyira,
ng'emigga egy'amazzi agabimba.
Agamba nti, 'Ndisituka ne mbuutikira ensi yonna.
Ndizikiriza ebibuga n'abantu baabyo.'
9 Mulumbe, mmwe embalaasi!
Muzidduse n'amaanyi, mmwe abalwanyi b'oku mbalaasi!
Mukumbe mmwe abalwanyi,
abasajja b'e Kuusi ne Puuti* abeettika engabo,
abasajja b'e Luudi abakozesa obusaale.
10 Naye olunaku olwo lwa Mukama, Mukama Katonda ow'Eggye,
olunaku olw'okuwalanirako eggwanga, olw'okusalira abalabe omusango.
Ekitala kijja kulya nga kimaliddwa,
okutuusa nga kyemazeeko ennyonta y'omusaayi.
Kubanga Mukama, Mukama Katonda ow'Eggye,
alibawaayo babeere ng'ekiweebwayo mu nsi ey'obukiikakkono ku Mugga Fulaati.

11 "Genda e Gireyaadi ofune eddagala ery'okusaaba,
ggwe Omuwala Embeerera owa Misiri.
Naye mwongerera bwereere obujjanjabi;

* **46:9** Puuli ne Puuti bye bimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya

temujja kuwonyezebwa.
12 Amawanga gajja kuwulira obuswavu bwammwe;
emiranga gyammwe gijja kujjuza ensi.
Omulwanyi omu alitomera omulala
bombi ne bagwa."
13 Buno bwe bubaka MUKAMA Katonda bwe yayogera eri nnabbi
Yeremiya ku bikwata ku kujja kwa Nebukadduneeza kabaka w'e Babu-
looni okulumba Misiri:
14 "Langirira kino mu Misiri, era okyogere e Migudooli;
kirangirire e Tapaneese ne Noofu nti,
'Muyimirire mu bifo byammwe mwetegeke
kubanga ekitala kirya abo ababeetoolodde.'
15 Lwaki abalwanyi bo bagudde wansi?
Tebasobola kuyimirira, kubanga MUKAMA Katonda ajja kubasindika
wansi.
16 Balyesittala emirundi egiwera;
baligwiragana.
Bagambe nti, 'Yimuka, tuddeyo
eri abantu baffe era n'ensi zaffe,
tuve awali ekitala ky'oyo atunyigiriza.'
17 Eyo gye baliwowogganira nti,
'Falaawo kabaka w'e Misiri mulekaanyi bulekaanyi
afiiriddwa omukisa gwe.'

18 "Nga bwe ndi omulamu," bw'ayogera oyo Kabaka
ayitibwa MUKAMA Katonda ow'Eggye,
"Waliwo alijja ali nga Taboli wakati mu nsozi,
nga Kulumeeri ku nnyanja.
19 Musibe engugu zammwe muwaŋŋanguke,
mmwe abali mu Misiri
kubanga Noofu kirifuuka matongo,
ekiryaawo omutali bantu.

20 "Misiri nte nduusi nnungi nnyo,
naye kawawa avudde mu bukiikakkono azze okumulumba.
21 N'abajaasi be abapangise
bagezze ng'ennyana.
Nabo bajja kukyuka badduke,
tebaasobole kuyimirirawo,
kubanga olunaku olw'ekikangabwa lubajjira,
ekiseera kyabwe eky'okubonerezebwa kisembedde.
22 Misiri alikaaba ng'omusota ogudduka,
omulabe alimulumba mu maanyi,
amujjire n'embazzi,
ng'abatemi b'emiti.
23 Balitema ekibira kye," bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"newaakubadde nga kikutte nnyo.
Bangi n'okusinga enzige,
tebasobola kubalika.
24 Muwala wa Misiri aliswazibwa,
aweebweyo mu mukono gw'abo abava mu bukiikakkono."
25 MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri, agamba nti, "Nnaatera
okuleeta ekibonerezo ku Amoni katonda w'e Tebeesi, ne ku Falaawo, ne

ku Misiri, ne ku bakatonda be, ne ku bakabaka be, ne ku abo abeesiga Falaawo.
26 Ndibawaayo eri abo abaagala okubatta, eri Nebukadduneeza kabaka
w'e Babulooni n'abakungu be. Wabula oluvannyuma, Misiri eribeeramu
abantu nga bwe yali edda," bw'ayogera MUKAMA Katonda.
27 "Totya, ggwe Yakobo omuweereza wange;
toggwaamu maanyi, ggwe Isirayiri.
Ddala ddala ndikununula okuva mu kifo eky'ewala,
n'ezzadde lyo ndinunule okuva mu nsi ey'obuwaŋŋanguse bwalyo.
Yakobo aliddamu okufuna emirembe n'atebenkera,
era tewali alimutiisa.
28 Totya, ggwe Yakobo omuddu wange,
kubanga ndi naawe," bw'ayogera MUKAMA.
"Wadde nga nazikiririza ddala amawanga gonna
gye nabasaasaanyiza,
naye mmwe siribazikiririza ddala.
Ndibabonereza naye mu bwenkanya;
siribaleka nga temubonerezebbwa."

# 47

### *Obubaka Obukwata ku Bafirisuuti*

1 Kino kye kigambo kya MUKAMA Katonda ekyajjira nnabbi Yeremiya
ekikwata ku Bafirisuuti nga Falaawo tannalumba Gaza nga kigamba nti:

2 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Laba amazzi agatumbira mu bukiikakkono,
galifuuka omugga ogwanjaala.
Galyanjaala ku nsi
ne mu bibuga byonna ebigirimu n'ababituulamu.
Abantu balikaaba;
bonna abali mu nsi baliwowoggana.
3 Olw'emisinde gy'embalaasi ezidduka
n'okufuumuuka kw'amagaali g'omulabe
era n'okuwuuma kwa nnamuziga,
bakitaabwe tebajja kukyuka kuyamba baana baabwe,
emikono gyabwe gya kulebera.
4 Kubanga olunaku lutuuse
okuzikiriza Abafirisuuti bonna,
n'okusalako bonna abandisigaddewo
abandiyambye Ttuulo ne Sidoni.
MUKAMA wa kuzikiriza Abafirisuuti
abaasigalawo ku mbalama z'ekizinga Kafutoli.
5 Gaza alimwa omutwe gwe ng'akungubaga.
Asukulooni alisirisibwa.
Ggwe eyasigala mu kiwonvu,
olituusa ddi okwesalaasala?

6 " 'Ayi ggwe ekitala kya MUKAMA Katonda, okaaba,
obudde bunaatuuka ddi owummule?
Ddayo mu kiraato kyo
sirika teweenyeenya.'
7 Naye kiyinza kitya okuwummula

nga MUKAMA y'akiragidde,
ng'akiragidde
okulumba Asukulooni n'olubalama lw'ennyanja?"

# 48

*Obubaka Obukwata ku Mowaabu*

1 Ebikwata ku Mowaabu:

Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
"Zikisanze Nebo, kubanga kijja kuzikirizibwa,
Kiriyasayimu kiswale kiwambibwe,
ekigo eky'amaanyi kijja kuswala kimenyebwe.
2 Mowaabu taddeyo kutenderezebwa;
mu Kesuboni abantu balitegeka okugwa kwe, nga boogera nti,
'Mujje, tumalewo ensi eyo.'
Nammwe, mmwe Madumeni mulisirisibwa,
n'ekitala kirikugoberera.
3 Muwulirize emiranga egiva e Kolonayimu,
okwonoonekerwa n'okuzikirizibwa okunene.
4 Mowaabu alimenyebwa;
abawere ne bakaaba.
5 Bakwata ekkubo erigenda e Lukisi,
nga bwe bakungubaga
ku luguudo olugenda e Kolonayimu,
emiranga egy'okuzikirizibwa giwulirwa.
6 Mudduke! Muwonye obulamu bwammwe;
mubeere ng'ebisaka mu ddungu.
7 Kubanga mwesiga ebikolwa byammwe n'obugagga bwammwe,
nammwe mulitwalibwa ng'abaddu,
ne Kemosi alitwalibwa mu buwaŋŋanguse
awamu ne bakabona be n'abakungu be.
8 Omuzikiriza alirumba buli kibuga,
era tewali kibuga kiriwona.
Ekiwonvu kiryonoonebwa
n'olusenyu luzikirizibwe
kubanga MUKAMA ayogedde.
9 Muwe Mowaabu ebiwaawaatiro abuuke agende
kubanga alifuuka matongo,
ebibuga bye birizikirizibwa,
nga tewali abibeeramu.

10 "Akolimirwe oyo agayaalira omulimu gwa MUKAMA Katonda.
Akolimirwe oyo aziyiza ekitala kye okuyiwa omusaayi.

11 "Mowaabu abadde mirembe okuva mu buvubuka bwe,
nga wayini gwe batasengezze,
gwe bataggye mu kibya ekimu okumuyiwa mu kirala,
tagenzeko mu buwaŋŋanguse.
Kale awooma ng'edda,
n'akawoowo ke tekakyukanga.
12 Naye ennaku zijja,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda,

“lwe ndituma basajja bange abaggya wayini mu bibya,
era balimuyiwa ebweru;
balittulula ensuwa ze
baase n’ebibya bye.
13 Awo Mowaabu alikwatibwa ensonyi olwa Kemosi,
ng’ennyumba ya Isirayiri bwe yaswala
bwe yeesiga Beseri.

14 “Oyinza otya okugamba nti, ‘Tuli balwanyi,
abasajja abazira mu ntalo?’
15 Mowaabu alizindibwa n’ebibuga bye ne bizikirizibwa;
abavubuka be abato bagende battibwe,”
bw’ayogera Kabaka, erinnya lye ye MUKAMA Katonda ow’Eggye.
16 “Okugwa kwa Mowaabu kusembedde;
akabi katuuse.
17 Mumubeesebeese mwenna abamwetoolodde,
mwenna abamanyi ettutumu lye;
mugambe nti, ‘Ng’Omuggo ogw’amaanyi ogw’obwakabaka gumenyese,
ng’oluga olw’ekitiibwa lumenyese!’

18 “Mukke muve mu kitiibwa kyammwe
mutuule ku ttaka,
mmwe abatuuze b’Omuwala w’e Diboni,
kubanga oyo azikiriza Mowaabu
alibajjira azikirize ebibuga byammwe ebya bbugwe.
19 Muyimirire ku luguudo mulabe,
mmwe ababeera mu Aloweri.
Mubuuze omusajja adduka, n’omukazi atoloka,
mubabuuze nti, ‘Kiki ekiguddewo?’
20 Mowaabu aswadde kubanga amenyesemenyese.
Mukaabe muleekaane!
Mulangiririre mu Alunoni
nti Mowaabu kizikiridde.
21 Okusala omusango kutuuse mu nsi ey’ensenyi
ku Koloni ne ku Yaza ne ku Mefaasi,
22 ne ku Diboni, ne ku Nebo ne ku Besudibulasayimu,
23 ne ku Kiriyasayimu ne ku Besugamuli ne ku Besumyoni;
24 ne ku Keriyoosi ne ku Bozula
ne ku bibuga byonna eby’omu nsi ya Mowaabu ebiri ewala n’ebiri okumpi.
25 Ejjembe lya Mowaabu lisaliddwako,
n’omukono gwe gumenyese,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.

26 “Mumutamiize;
kubanga ajeemedde MUKAMA.
Ka Mowaabu yekulukuunyize mu bisesemye bye,
era asekererwe.
27 Isirayiri tewagisekereranga?
Baali bamukutte mu bubbi,
olyoke onyeenye omutwe gwo ng’omusekerera
buli lw’omwogerako?
28 Muve mu bibuga byammwe mubeere mu njazi,

mmwe ababeera mu Mowaabu.
Mubeere ng'ejjiba erikola ekisu kyalyo
ku mumwa gw'empuku.

29 "Tuwulidde amalala ga Mowaabu
amalala ge agayitiridde n'okwemanya,
okwewulira kwe era n'okweyisa kwe
era n'okwegulumiza kwe okw'omutima.
30 Mmanyi obusungu bwe obutaliimu," bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"okwenyumiriza kwe okutaliiko kye kugasa.
31 Noolwekyo nkaabirira Mowaabu,
olwa Mowaabu yenna nkaaba,
nkungubagira abasajja ab'e Kirukeresi.
32 Nkukaabira ggwe amaziga, nga Yazeri bw'akaaba,
ggwe omuzabbibu gw'e Sibuna.
Amatabi gammwe geegolola okutuuka ku nnyanja;
gatuuka ku nnyanja y'e Yazeri.
Omuzikiriza agudde ku bibala byo
ebyengedde era n'emizabbibu.
33 Essanyu n'okujaguza biggiddwa ku nnimiro
ne ku bibanja bya Mowaabu.
Nziyizza okukulukuta kwa wayini mu masogolero;
tewali asogola ng'aleekaana olw'essanyu.
Newaakubadde nga waliyo okuleekaana,
okuleekaana okwo si kwa ssanyu.

34 "Amaloboozi g'okukaaba kwabwe galinnye
okuva e Kesuboni okutuuka ku Ereyale, n'okutuuka ku Yakazi.
Okuva e Zowaali okutuuka e Kolanayimu n'e Egulasuserisiya,
kubanga n'amazzi g'e Nimulimu gakalidde.
35 Ndiggyawo
abo abawaayo ebiweebwayo mu bifo ebigulumivu e Mowaabu,
ne bootereza n'obubaane eri bakatonda baabwe," bw'ayogera MUKAMA Katonda.
36 "Noolwekyo omutima gwange gukaabira Mowaabu ng'endere;
gukaaba ng'endere olw'abasajja b'e Kirukesi.
Obugagga bwe baafuna buweddewo.
37 Buli mutwe mumwe
na buli kirevu kisaliddwako;
buli mukono gutemeddwako
na buli kiwato kisibiddwamu ebibukutu.
38 Ku buli kasolya ka nnyumba e Mowaabu
ne mu bifo awakuŋŋaanirwa,
tewaliwo kintu kirala wabula okukungubaga,
kubanga njasizzayasizza Mowaabu
ng'ekibya ekitaliiko akyagala," bw'ayogera MUKAMA Katonda.
39 "Ng'amenyeddwamenyeddwa! Nga bakaaba!
Mowaabu ng'akyusa omugongo gwe olw'obuswavu!
Mowaabu afuuse kyakusekererwa,
ekyekango eri bonna abamwetoolodde."
40 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti:
"Laba! Empungu ekka,
ng'eyanjuluza ebiwaawaatiro byayo ku Mowaabu.

41 Ebibuga birikwatibwa
n'ebigo biwambibwe.
Ku lunaku olwo emitima gy'abalwanyi ba Mowaabu
giribeera ng'omutima gw'omukazi alumwa okuzaala.
42 Mowaabu alizikirizibwa,
kubanga yajeemera MUKAMA.
43 Entiisa n'obunnya n'omutego bibalindiridde,
mmwe abantu ba Mowaabu,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
44 "Buli alidduka entiisa
aligwa mu bunnya,
n'oyo aliba avudde mu bunnya
alikwatibwa omutego;
kubanga ndireeta ku Mowaabu
omwaka gw'okubonaabona kwe,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

45 "Mu kisiikirize kya Kesuboni,
abadduka mwe bayimirira nga tebalina maanyi,
kubanga omuliro guvudde mu Kesuboni,
ennimi z'omuliro wakati mu Sikoni,
era gw'okezza ebyenyi bya Mowaabu,
n'obuwanga bw'abo abaleekaana nga beewaanawaana.
46 Zikusanze ggwe, Mowaabu.
Abantu b'e Kemosi bazikiridde,
batabani bo batwaliddwa mu buwaŋŋanguse
ne bawala bammwe mu busibe.

47 "Ndikomyawo nate obugagga bwa Mowaabu
mu nnaku ezijja,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
Omusango Mowaabu gw'asaliddwa gukoma wano.

# 49

*Obubaka Obukwata ku Amoni*

1 Ebikwata ku baana ba Amoni bye bino.
Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Isirayiri terina baana balenzi?
Terina basika?
Lwaki Malukamu atutte Gaadi?
Lwaki abantu be batutte ebibuga by'e Gaadi?
2 Naye ennaku zijja," bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"lwe ndiraya eŋŋoma ezirangirira olutalo
ku Labba eky'abawala ba Amoni.
Kirifuuka ntuumu ya mafunfugu,
n'ebyalo ebiriraanyeewo byokebwe omuliro.
Isirayiri eryoke egobere ebweru
abo abagigoba,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
3 "Kaaba, ggwe Kesuboni, kubanga Ayi kizikiridde!
Mukaabe mmwe abatuuze b'omu Labba!
Mwesibe ebibukutu mukungubage.
Mudduke mudde eno n'eri mu bisenge by'ekibuga,

kubanga Malukamu alitwalibwa mu busibe,
awamu ne bakabona n'abakungu.
4 Lwaki mwenyumiriza olw'ebiwonvu byammwe,
ne mwenyumiriza olw'ebiwonvu ebigimu?
Ggwe omuwala atali mwesigwa,
weesiga obugagga bwo n'ogamba nti,
'Ani alinnumba?'
5 Ndikuleetako entiisa,
okuva mu abo bonna abakwetoolodde,"
bw'ayogera Mukama, MUKAMA Katonda ow'Eggye.
"Buli omu ku mmwe aligobebwa,
era tewali n'omu alikuŋŋaanya abadduka.

6 "Naye oluvannyuma ndikomyawo nate omukisa gy'abaana ba Amoni,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

### *Obubaka Obukwata ku Edomu*

7 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Tewakyali magezi mu Temani?
Abeegendereza babuliddwa okutegeera?
Amagezi gaabwe gaweddemu ensa?
8 Mukyuke mudduke mwekweke mu mpuku eziri ewala
mmwe abatuuze b'e Dedani,
kubanga ndireeta ekikangabwa ku Esawu,
mu kiseera bwe ndimubonerereza.
9 Abanozi b'emizabbibu singa bazze gy'oli,
tebandikuleseeko mizabbibu mibale bubazi?
Singa ababbi bazze ekiro,
tebandibbye byonna bye beetaaga?
10 Naye ndyambula Esawu mwerule;
ndizuula ebifo bye mwe yeekweka,
aleme kwekweka.
Abaana be, n'ab'eŋŋanda ze n'ab'omuliraano baakuzikirira,
era wa kuggwaawo.
11 Bamulekwa mu mmwe mubaleke, ndibalabirira.
Ne bannamwandu mu mmwe banneesige."

12 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, "Obanga abo
abatandinywedde ku kikompe bawaliriziddwa okukinywako, lwaki mmwe
temubonerezebwa? Temuuleme kubonerezebwa, mulina okukinywa.
13 Neerayirira," bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, "Bozula alifuuka
matongo era ekibuga ekijjudde entiisa, ekinyoomebwa era ekikolimire, era
ebibuga bye byonna biriba matongo emirembe gyonna."
14 Mpulidde obubaka okuva eri MUKAMA Katonda.
Omubaka yatumibwa eri amawanga okugamba nti,
"Mwekuŋŋaanye mukirumbe!
Mugolokoke mukole olutalo!"

15 "Kaakano ndibafuula aba wansi ennyo mu mawanga,
abanyoomebwa mu bantu.
16 Entiisa gy'oleeta
n'amalala g'omutima gwo bikulimbye,
mmwe ababeera mu bunnya bw'amayinja,
mmwe ababeera waggulu mu nsozi.

Wadde nga muzimba ebisu byammwe okubeera waggulu nga eby'empungu,
ndibawanulayo ne mbasuula wansi,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
17 "Edomu kirifuuka kyerolerwa,
abo bonna abayitawo balyewuunya batye
olw'ebiwundu bye byonna.
18 Nga Sodomu ne Ggomola bwe byayonoonebwa,
wamu n'ebibuga ebirala ebiriraanyeewo," bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"tewaliba n'omu abibeeramu;
tewali musajja alikituulamu.

19 "Ng'empologoma eva mu bisaka by'omu Yoludaani
okugenda mu muddo omugimu,
ndigoba Edomu mu nsi ye amangu n'embiro.
Ani oyo omulonde gwe nnaateekawo akole kino?
Ani ali nga nze era ani ayinza okunsomooza?
Era musumba wa ndiga ki ayinza okunjolekera?"
20 Noolwekyo, muwulire MUKAMA Katonda kyategese okuleeta ku Edomu,
kyategekedde abo abatuula mu Temani.
Endiga ento mu bisibo za kuwalulwa,
alyonoonera ddala ebisibo byazo ku lwabwe.
21 Bwe baligwa ensi erikankana,
emiranga gyabwe giriwulirwa mu Nnyanja Emyufu.
22 Laba, alibuuka mu bire ng'empungu n'atumbiira,
n'alyoka akka ng'ayanjululiza ebiwaawaatiro bye ku Bozula.
Ku lunaku olwo emitima gy'abalwanyi ba Edomu
giribeewanika ng'ogw'omukazi alumwa okuzaala.

*Obubaka Obukwata ku Damasiko*

23 Ebikwata ku Damasiko:
"Kamasi ne Alupaadi biweddemu amaanyi,
kubanga biwulidde amawulire amabi.
Bakeŋŋentereddwa,
batabuddwa ng'ennyanja esiikuuse, tebasobola kutereera.
24 Ddamasiko ayongobedde,
akyuse adduke
era okutya kumukutte;
obubalagaze n'obuyinike bimunyweezezza,
obulumi nga obw'omukazi alumwa okuzaala.
25 Lwaki ekibuga ekimanyiddwa tebakidduse,
ekibuga mwe nsanyukira?
26 Ddala abavubuka baakyo baligwa mu nguudo,
n'abalwanyi baakyo bonna ku olwo baakusirisibwa,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye.
27 "Ndiyokya bbugwe wa Ddamasiko omuliro;
gwakumalawo n'embiri za Benukadaadi."

*Obubaka Obukwata ku Kedali ne Kazoli*

28 Bino bye bikwata ku Kedali n'obwakabaka bwa Kazoli, obwalumbibwa Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni.
Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Golokoka, olumbe Kedali

ozikirize abantu be bugwanjuba.
29 Weema zaabwe n'ebisibo byabwe bya kutwalibwa;
enju zaabwe ziryetikkibwa
n'ebintu byabwe byonna n'eŋŋamira zaabwe.
Abasajja balibakanga nga bawowoggana nti,
'Akabi kavudde ku buli ludda!'

30 "Mudduke mwekukume mangu!
Mubeere mu mpuku empanvu, mmwe abatuuze b'omu Kazoli,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
"Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni abasalidde olukwe;
ategese okubalumba.

31 "Golokoka olumbe eggwanga eriri mu ggandaalo,
eriri mu kweyagala,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"eggwanga eritalina miryango gisibwa wadde ebyuma;
abantu baalyo babeera awo bokka.
32 Eŋŋamira zaabwe zaakunyagibwa,
n'amagana gaabwe amanene gatwalibwe.
Ndibasaasaanya eri empewo, abo abali mu bifo eby'ewala,
mbaleeteko akabi okuva ku buli ludda,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
33 "Kazoli alifuuka kifo kya bibe,
ekifo eky'amatongo eky'emirembe n'emirembe.
Tewali alikibeeramu;
tewali muntu alikituulamu."

### *Obubaka Obukwata ku Eramu*

34 Kino kye kigambo kya MUKAMA Katonda ekyajjira nnabbi Yeremiya
ekikwata ku Eramu, nga Zeddekiya kabaka wa Yuda kyajje alye obwak-
abaka.

35 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Laba, ndimenya omutego gwa Eramu,
amaanyi gaabwe mwe gasinga okwesigibwa.
36 Era ndireeta ku Eramu empewo ennya,
okuva mu bitundu ebina eby'eggulu;
ndibasaasaanyiza eri empewo ezo ennya,
era tewaliba nsi n'emu
abawaŋŋanguse ba Eramu gye bataliddukiramu.
37 Ndimenyeramenyera Eramu mu maaso g'abalabe be,
mu maaso gaabo abamunoonya okumutta;
ndibatuusaako ekikangabwa,
n'obusungu bwange obungi ennyo,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
"Ndibawondera n'ekitala
okutuusa lwe ndibamalirawo ddala.
38 Nditeeka entebe yange ey'obwakabaka mu Eramu
era nzikirize kabaka we n'abakungu be,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

39 "Wabula ekiseera kijja,
lwe ndiddiramu Eramu,"

bw'ayogera MUKAMA Katonda.

## 50

*Obubaka Obukwata ku Babulooni*

1 Kino kye kigambo MUKAMA Katonda kye yayogerera mu nnabbi
Yeremiya ekikwata ku Babulooni n'ensi ey'Abakaludaaya.

2 "Buulira mu mawanga era olangirire,
yimusa bendera olangirire,
tolekaayo kintu kyonna ogambe nti,
'Babulooni eriwambibwa;
Beri kiswale,
ne Meroddaaki kijjule entiisa.
Ebifaananyi bya bakatonda abakole n'emikono bijja kuswala
era bitye.'
3 Eggwanga okuva mu bukiikakkono lijja kukirumba
lyonoone ensi y'Abakaludaaya.
Tewali muntu alisigalamu;
abantu bonna balikiddukamu era n'ensolo zonna.

4 "Mu nnaku ezo, era mu kiseera ekyo,"
bw'ayogera MUKAMA,
"abantu ba Isirayiri awamu n'abantu ba Yuda
balikaaba amaziga nga banoonya MUKAMA Katonda waabwe.
5 Balibuuza ekkubo eridda e Sayuuni
era bakyuse obwenyi bwabwe okukitunuulira, nga boogera nti,
Mujje twesibe ku MUKAMA Katonda
mu ndagaano ey'emirembe gyonna
etegenda kwerabirwa.

6 "Abantu bange babadde ndiga ezibuze;
abasumba baabwe babawabizza
ne babatuusa ku kutaataaganira ku nsozi.
Baava ku lusozi ne badda ku kasozi
ne beerabira ekifo kyabwe eky'okuwummuliramu.
7 Buli eyabasanganga nga abatulugunya;
abalabe baabwe ne bagamba nti, 'Tetulina musango gwe tuzza,
kubanga baajeemera MUKAMA Katonda, obuddukiro bwabwe obwa nnama
ddala,
ye MUKAMA, essuubi lya bakitaabwe.'

8 "Mudduke okuva e Babulooni;
muleke ensi y'Abakaludaaya,
mubeere ng'embuzi ezikulembera ekisibo.
9 Kubanga, laba, ndigolokosa ekibiina ky'amawanga amanene
okuva mu nsi ey'obukiikakkono okulumba Babulooni.
Baliyimirira mu nnyiriri zaabwe bakirumbe,
bakiwambe nga basinzira mu bukiikakkono.
Obusaale bwabwe buliba ng'obw'abalwanyi abakugu,
abataddira awo ngalo nsa.
10 Noolwekyo ensi y'Abakaludaaya erinyagibwa;
abo bonna abaliginyaga balitwala byonna bye baagala,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

11 “Kubanga musanyuka ne mujaguza,
mmwe abaanyaga omugabo gwabwe,
kubanga muligita ng’ente enduusi ewuula emmere ey’empeke,
ne muleekaana ng’embalaasi ennume enkulu,
12 nnyammwe alikwatibwa ensonyi;
oyo eyakuzaala aliswazibwa.
Aliba ensi esemberayo ddala,
ensiko, ensi enkalu, eddungu.
13 Olw’obusungu bwa MUKAMA Katonda tajja kubeeramu bantu,
naye alisigala matongo.
Bonna abayita e Babulooni balyewuunya batye era bakisooze
olw’ebiwundu bye byonna.

14 “Musimbe ennyiriri okwetooloola Babulooni,
mwenna abanaanuula omutego.
Mumulase! Temulekaawo kasaale n’akamu,
kubanga yajeemera MUKAMA Katonda.
15 Mumukube olube ku buli ludda.
Ajeemulukuse, eminaala gye gigwa,
n’ebisenge bye bimenyeddwa.
Kubanga kuno kwe kwesasuza kwa MUKAMA Katonda,
mumwesasuzeeko;
mumukole nga bw’akoze abalala.
16 Asiga mumuggye mu Babulooni,
n’omukunguzi oyo akwata ekiwabyo mumuggye mu makungula.
Olw’ekitala ky’omujoozi,
leka buli omu addukire mu nsi y’ewaabwe,
buli muntu adde eri abantu be.

17 “Isirayiri kisibo kya ndiga ezisaasaanye,
empologoma kye zigobye.
Eyasooka okumulya
yali kabaka wa Bwasuli;
eyasembayo okumenya amagumba ge
yali Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni.”
18 Noolwekyo bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isir-
ayiri nti,
“Ndibonereza kabaka w’e Babulooni n’ensi ye
nga bwe nabonereza kabaka w’e Bwasuli.
19 Naye ndikomyawo Isirayiri mu kisibo kye
era aliriira ku Kalumeeri ne Basani;
alikuttira
ku busozi bwa Efulayimu, ne mu Gireyaadi.
20 Mu nnaku ezo, era mu biseera ebyo,” bw’ayogera MUKAMA Katonda,
“omusango ku Isirayiri gulinoonyezebwa, naye tegulibaawo, era
n’ebibi bya Yuda birinoonyezebwa, naye tewaliba na kimu, kubanga
ndisonyiwa abo bendeseewo.

21 “Mulumbe ensi ye Merasayimu
n’abo abali mu Pekodi.
Mubagoberere mubatte, mubazikiririze ddala,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.
“Mukole byonna bye mbalagidde.

22 Oluyoogaano lw'olutalo luwulirwa mu ggwanga,
eddoboozi ery'okuzikiriza okunene!
23 Ennyondo y'ensi yonna
ng'ekubiddwa n'emenyeka!
Babulooni kifuuse matongo
mu mawanga!
24 Nakutegera omutego, ggwe Babulooni,
babagwiikiriza ne babakwata nga tebategedde,
baakukwata ne bakuwamba
kubanga wawakanya Mukama.
25 Mukama agguddewo etterekero ly'ebyokulwanyisa bye
naggyamu ebyokulwanyisa eby'ekiruyi kye,
kubanga Mukama Katonda ow'Eggye alina omulimu ogw'okukola
mu nsi y'Abakaludaaya.
26 Mujje mumulumbe mmwe abava mu buli nsonda,
mumenye ebyagi eby'emmere y'empeke,
mumukuŋŋaanye abe ng'entuumo y'emmere y'empeke.
Mumuzikiririze ddala;
waleme kusigalawo n'omu ku bo.
27 Mutte ennume zaabwe zonna,
muzitwale zittibwe.
Zibasanze kubanga olunaku lwabwe lutuuse,
kye kiseera kyabwe eky'okubonerezebwa.
28 Muwulire eby'abadduka n'abanoonyi b'obubudamu okuva mu Babulooni
nga balangirira mu Sayuuni
engeri Mukama Katonda waffe gye yeesasuzza,
gye yeesasuzza olwa yeekaalu ye.

29 "Koowoola abalasi b'obusaale balumbe Babulooni,
ne bonna abanaanuula omutego.
Mumwetooloole yenna;
tewaba n'omu awona.
Mumusasule olw'ebikolwa bye byonna;
mumukole nga bwe yakola banne.
Kubanga yanyooma Mukama,
Omutukuvu wa Isirayiri.
30 Noolwekyo, abavubuka be baligwa mu nguudo;
abaserikale be balisirisibwa ku lunaku olwo,"
bw'ayogera Mukama Katonda.
31 "Laba, ndi mulabe wo, ggwe ow'amalala,"
bw'ayogera Mukama, Mukama Katonda ow'Eggye,
"Kubanga olunaku lwo lutuuse,
ekiseera ky'on'obonerezebwamu.
32 Oyo ow'amalala alyesittala agwe
era teri n'omu alimuyamba kuyimuka;
Ndikoleeza omuliro mu bibuga bye
oguliyokya bonna abamwetoolodde."
33 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda ow'Eggye nti,
"Abantu ba Isirayiri banyigirizibwa
awamu n'abantu ba Yuda;
Bonna ababawambye babanywezezza,
bagaanye okubata.

34 Omununuzi waabwe w'amaanyi,
MUKAMA Katonda ow'Eggye lye linnya lye.
Alirwanirira ensonga zaabwe awatali kubuusabuusa,
alyoke aleete emirembe mu nsi yaabwe;
wabula alireeta okutabukatabuka mu bantu ba Babulooni.

35 "Ekitala kyolekedde Abakaludaaya,"
bw'ayogera MUKAMA,
"n'eri abo ababeera mu Babulooni,
n'abakungu baabwe n'abasajja baabwe abajjudde amagezi!
36 Ekitala kyolekedde bannabbi baabwe ab'obulimba!
Balifuuka balisiriwala,
ekitala kyolekedde abalwanyi baabwe.
Balijjula entiisa.
37 Ekitala kyolekedde embalaasi ze n'amagaali
n'abagwira bonna abamubeeramu!
Balifuuka banafu ng'abakazi.
Ekitala kyolekedde eby'obugagga bwe!
Birinyagibwa!
38 Ekyeya kyolekedde amazzi gaamu!
Galikalira.
Kubanga ggwanga erisinza ebifaananyi,
ebifaananyi ebirigwa eddalu olw'entiisa.

39 "Noolwekyo ensolo z'omu nsiko ziribeera eyo n'empisi,
era eyo ekiwuugulu nakyo gye kiribeera.
Ekibuga ekyo tekiriddamu kubeeramu bantu
wadde kutuulwamu bantu emirembe gyonna.
40 Katonda nga bwe yazikiriza Sodomu ne Ggomola
n'ebibuga ebiriraanyeewo,"
bw'ayogera MUKAMA,
"bw'atyo bw'alikikola ne mutaba muntu n'omu alikibeeramu;
tewaliba n'omu alikisigalamu.

41 "Laba, eggye liva mu bukiikakkono;
ensi ey'amaanyi ne bakabaka bangi,
bakuŋŋaana okuva ku nkomerero y'ensi.
42 Balina obusaale n'amafumu,
bakambwe si ba kisa.
Beebagadde embalaasi zaabwe
ne baba ng'amayengo agawuluguma mu nnyanja;
bali ng'abasajja abalwanyi abajjira mu nnyiriri z'entalo
okukulumba, ggwe Muwala wa Babulooni.
43 Kabaka w'e Babulooni afunye amawulire agabafaako,
n'emikono gye girebedde.
Entiisa emugwiridde,
ng'omukazi alumwa okuzaala.
44 Ng'empologoma eva mu kibira kya Yoludaani
okugenda mu ddundiro eggimu,
Babulooni ndimugoba mu nsi ye awatali kutemya kikowe.
Ani oyo omulonde gwe nnaawa okukola kino?
Ani ali nga nze, era ani ayinza okunsomooza?
Era musumba ki ayinza okuyimirirawo okumpakanya?"

45 Noolwekyo, wulira MUKAMA ky'ategekedde Babulooni,
ky'ategese okuleeta ku nsi y'Abakaludaaya.
Obwana bw'ebisibo byabwe bulitwalibwa,
alizikiririza ddala ebisibo byabwe ng'abalanga obujeemu bwabwe.
46 Olw'oluyoogaano lw'okuwambibwa kwa Babulooni, ensi erikankana;
okukaaba kwe kuliwulirwa mu mawanga.

# 51

*Ekibonerezo kya Babulooni*

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Laba, ndiyimusa omwoyo gw'omuzikiriza
alumbe Babulooni n'abantu ba Lebukamaayi.
2 Ndituma abagwira e Babulooni
bamuwewe era bazikirize ensi ye;
balimulumba ku buli luuyi
ku lunaku olw'okuzikirira kwe.
3 Omulasi talikuba busaale bwe,
taliyambala wadde ebyambalo bye ebyokulwanyisa.
Temusonyiwa batabani be;
muzikiririze ddala amaggye ge.
4 Baligwa nga battiddwa e Babulooni,
nga batuusiddwako ebiwundu eby'amaanyi mu nguudo ze.
5 Kubanga Yuda ne Isirayiri tebinnalekebwa
Katonda waabwe, oyo MUKAMA Katonda ow'Eggye,
wadde ng'ensi yaabwe esingiddwa omusango
mu maaso g'Omutukuvu wa Isirayiri.

6 "Mudduke Babulooni.
Mudduke okuwonya obulamu bwammwe.
Temusaanawo olw'ebibi bye.
Kiseera kya MUKAMA okwesasuza;
alimusasula ekyo ekimusaanira.
7 Babulooni yali kikompe kya zaabu mu mukono gwa MUKAMA;
yatamiiza ensi yonna.
Amawanga gaanywa wayini we,
kyegavudde galaluka.
8 Babulooni kirigwa mangu ago ne kimenyekamenyeka.
Mukikungubagire.
Munoonye eddagala olw'obulumi bw'akyo
oboolyawo anaawonyezebwa.

9 " 'Twandiwonyezza Babulooni,
naye tayinza kuwonyezeka.
Leka tumuleke buli muntu adde mu nsi ye,
kubanga omusango gwe gutuuse mu bwengula,
gusituse gulinnye okutuuka ku bire.'

10 " 'MUKAMA atulwaniridde,
mujje tukitegeeze mu Sayuuni
ekyo MUKAMA Katonda waffe ky'akoze.'

11 "Muwagale obusaale,

mukwate engabo!
MUKAMA ayungudde bakabaka ab'e Bumeedi,
kubanga ekigendererwa kye kuzikiriza Babulooni.
MUKAMA aliwalana eggwanga,
aliwalana eggwanga olwa yeekaalu ye.
12 Muyimuse bendera mwolekere bbugwe wa Babulooni!
Mwongereko abakuumi,
muteekeko abaserikale,
mutegeke okulumba mbagirawo!
MUKAMA alituukiriza ekigendererwa bye,
ensala ye okwolekera abantu ba Babulooni.
13 Gwe abeera okumpi n'amazzi amangi,
omugagga mu bintu eby'omuwendo,
enkomerero yo etuuse,
ekiseera kyo eky'okuzikirizibwa kituuse.
14 MUKAMA Katonda ow'Eggye yeerayiridde ku lulwe;
ddala ndikujjuza abasajja, ng'ebibinja by'enzige,
era balireekaana nga bakuwangudde.

15 "Ensi yagikola n'amaanyi ge;
yagiteekawo n'amagezi ge,
n'ayanjuluza eggulu n'okutegeera kwe.
16 Bw'abwatuka, amazzi ag'omu ggulu gawuluguma;
ayimusa ebire okuva ku nkomerero y'ensi.
Amyansisa eggulu mu nkuba
era n'aggya empewo mu mawanika ge.

17 "Buli muntu talina magezi wadde okutegeera;
Buli muweesi aswadde olw'ebifaananyi bya bakatonda by'akoze n'emikono gye.
Ebifaananyi bye bya bulimba;
tebirina mukka.
18 Tebiriiko kye bigasa, ebisaanye okunyoomebwa
ebirizikirizibwa nga MUKAMA azze okusala omusango.
19 Oyo omugabo gwa Yakobo tali nga bano,
kubanga yakola ebintu byonna,
nga mwotwalidde n'eggwanga ly'omugabo gwe,
n'erinnya lye ye MUKAMA Katonda ow'Eggye.

20 "Muli mbazzi yange,
ekyokulwanyisa kyange eky'olutalo,
mmwe be nkozesa okubetenta amawanga,
mmwe be nkozesa okuzikiriza obwakabaka,
21 era ggwe gwe ndikozesa okubetenta embalaasi n'omwebagazi,
ggwe gwe ndikozesa okubetenta ekigaali n'omuvuzi waakyo,
22 era ggwe gwe ndikozesa okubetenta omusajja n'omukazi,
era ggwe ndikozesa okubetenta omukadde n'omuvubuka,
era ggwe gwe ndikozesa okubetenta omuvubuka n'omuwala omuto.
23 Ggwe gwe ndikozesa okubetenta omusumba n'ekisibo kye,
ggwe gwe ndikozesa okubetenta omulimi n'ente ennume,
ggwe gwe ndikozesa okubetenta bagavana n'abakungu.
24 "Ndisasula Babulooni ne bonna ababeeramu nga mulaba olw'ebibi
byonna bye baakola mu Sayuuni," bw'ayogera MUKAMA.

25 “Mbalinako ensonga, ggwe olusozi oluzikiriza,
mmwe abazikiriza ensi yonna,”
bw’ayogera MUKAMA.
“Ndikugolererako omukono gwange,
nkusuule ku mayinja g’ensozi,
nkufuule olusozi olutakyayaka.
26 Tewali jjinja lirikuggibwako kukola jjinja lya ku nsonda,
wadde ejjinja lyonna okukola omusingi,
kubanga olibeera matongo emirembe gyonna,”
bw’ayogera MUKAMA.

27 “Yimusa bendera mu ggwanga!
Fuuwa omulere mu mawanga!
Tegeka amawanga okumulwanyisa;
koowoola obwakabaka buno bumulumbe:
obwa Alalati ne Mini ne Asukenaazi.
Londa omuduumizi amulumba,
weereza embalaasi eziri ng’ekibinja ky’enzige.
28 Teekateeka amawanga okumulwanyisa;
bakabaka Abameedi,
bagavana baabwe era n’abakungu baabwe bonna,
n’amawanga ge bafuga.
29 Ensi ekankana ne yeenyola olw’obulumi,
kubanga ebigendererwa bya MUKAMA eri Babulooni tebikyuka,
okuzikiriza ensi ya Babulooni
waleme kubaawo agibeeramu.
30 Abalwanyi ba Babulooni balekedde awo okulwana;
basigadde mu bigo byabwe.
Baweddemu amaanyi;
bafuuse nga bakazi.
Ebifo bye mw’abeera byokeddwa omuliro;
emitayimbwa gy’oku nzigi ze gimenyeddwa.
31 Matalisi omu agoberera omulala,
omubaka omu n’agoberera munne,
okulangirira eri kabaka w’e Babulooni nti
ekibuga kye kyonna kiwambiddwa,
32 entindo z’emigga baziwambye,
ensenyi ziyidde omuliro,
n’abaserikale batidde.”
33 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, Katonda wa Isirayiri nti,
“Muwala wa Babulooni ali ng’egguuliro,
mu kiseera w’analinnyiririrwa;
ebiseera eby’okumukungula binaatera okutuuka.”
34 “Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni atukubyekubye,
atutabudde,
tufuuse ekikompe ekyereere.
Atumize ng’omusota
n’olubuto lwe n’alujjuza ebyassava byaffe ebiwooma,
ffe n’atusesema.
35 Leka okubonaabona okututuuseeko kubeere ku Babulooni,”
bwe boogera abatuula mu Sayuuni.
“Leka omusaayi gubeere ku abo ababeera mu Babulooni,”
bwayogera Yerusaalemi.

36 MUKAMA kyava ayogera nti,
“Laba ndikulwanirira era ndikuwolerera eggwanga;
Ndikaliza ennyanja ye
n’ensulo ze.
37 Babulooni kirifuuka bifunvu,
mpuku ya bibe,
ekintu ekyenyinyalwa n’okusekererwa,
ekifo omutali abeeramu.
38 Abantu baakyo bonna bawuluguma ng’empologoma ento,
bavuumira wamu ng’abaana b’empologoma.
39 Naye nga bakyabuguumirira,
ndibategekera ekijjulo,
mbatamiize
balyoke balekaane nga baseka,
olwo beebake emirembe gyonna nga tebazuukuse,”
bw’ayogera MUKAMA.
40 “Ndibaserengesa
ng’abaana b’endiga, battibwe,
ng’endiga n’embuzi.

41 “Sesaki nga kiriwambibwa,
okujaguza kw’ensi yonna kugwewo.
Babulooni kifuuse matongo eri amawanga!
42 Ennyanja eribuutikira Babulooni;
amayengo gaayo agawuluguma galigisaanikira.
43 Ebibuga bye birisigala matongo,
ensi enkalu ey’eddungu,
ensi eteriimu muntu,
eteyitamu muntu yenna.
44 Ndibonereza Beri mu Babulooni,
mmusesemye bye yali amize.
Amawanga nga tegakyesomba kugenda gyali.
Ne bbugwe wa Babulooni aligwa.

45 “Mukiveemu, abantu bange!
Mudduke muwonye obulamu bwammwe!
Mudduke muwone obusungu bwa MUKAMA obubuubuuka.
46 Temutya wadde okuggwaamu amaanyi
ng’eŋŋambo ziyitiŋŋana mu nsi;
olugambo olumu lujja omwaka guno, olulala omwaka ogujja,
eŋŋambo z’entalo mu ggwanga,
era ez’omufuzi ng’alwana ne mufuzi munne.
47 Kubanga ekiseera kijja
lwe ndibonereza ebifaananyi bya bakatonda ba Babulooni abaakolebwa n’emikono;
ensi eyo yonna eritabanguka,
n’emirambo gy’abantu baayo abattiddwa gyonna gibeere omwo.
48 Eggulu n’ensi ne byonna ebibirimu
birireekana olw’essanyu olwa Babulooni,
abalimuzikiriza balimulumba
okuva mu bukiikakkono,”
bw’ayogera MUKAMA.

49 “Babulooni kirigwa olw’Abayisirayiri abaafa,
nga bonna abaafa mu nsi yonna
bwe baweddewo olwa Babulooni.
50 Mmwe abawonye ekitala,
mwanguwe okugenda!
Mujjukire MUKAMA nga muli mu nsi ey’ewala,
mulowooze ku Yerusaalemi.”
51 “Tuweddemu amaanyi
kubanga tuvumiddwa
era tukwatiddwa ensonyi,
kubanga abagwira bayingidde
mu bifo ebitukuvu eby’ennyumba ya MUKAMA.”

52 “Naye ennaku zijja,” bw’ayogera MUKAMA,
“lwe ndibonereza ebifaananyi bya bakatonda be, be yakola n’emikono,
era mu nsi ye yonna,
abaliko ebisago balisinda.
53 Newaakubadde nga Babulooni atuuka ku bire
era ne yeenyweza n’ebigo bye eby’amaanyi,
ndimusindikira abazikiriza,”
bw’ayogera MUKAMA.

54 “Eddoboozi ly’okukaaba liva mu Babulooni,
eddoboozi ery’okuzikirira okunene
okuva mu nsi y’Abakaludaaya.
55 MUKAMA alizikiriza Babulooni,
alizikiza oluyoogaano lwakyo olunene.
Amayengo g’abalabe galijja ng’amazzi amangi;
okuwuluguma kw’amaloboozi kuliwulirwa.
56 Omuzikiriza alirumba Babulooni;
abalwanyi be baliwambibwa,
n’emitego gyabwe girimenyebwa.
Kubanga MUKAMA Katonda asasula,
alisasula mu bujjuvu.
57 Nditamiiza abakungu be n’abasajja be abajjudde amagezi,
ne bagavana, ab’ebitongole awamu n’abalwanyi;
balyebaka emirembe gyonna era tebalizuukuka,”
bw’ayogera Kabaka ayitibwa MUKAMA Katonda ow’Eggye.
58 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye nti,
“Bbugwe wa Babulooni omunene alisendebwa
era n’emiryango gye emiwanvu gyokebwe;
abantu beetawanyiza bwerere nga bafuba,
okutawaana kw’eggwanga kuliba nku za muliro.”
59 Buno bwe bubaka Yeremiya bwe yawa omukungu Seraya mutabani
wa Neriya, mutabani wa Maseya, bwe yagenda e Babulooni ne Zeddekiya
kabaka wa Yuda, nga Zeddekiya afuga mu mwaka gwe ogwokuna. Seraya
ye yali omu ku bakungu abakulu.
60 Yeremiya yali awandiise mu muzingo ebikangabwa byonna ebyali
bigenda okutuuka ku Babulooni, byonna ebyali biwandiikiddwa ebyali
bikwata ku Babulooni.
61 Yagamba Seraya nti, “Bw’otuuka mu Babulooni, laba ng’osoma mu
ddoboozi ery’omwanguka ebigambo bino byonna.

62 Olwo ogambe nti, ‘Ayi MUKAMA, ogambye nti olizikiriza ekifo kino, nti tewali nsolo oba muntu alikibeeramu; kibeere matongo emirembe gyonna.’

63 Bw’omalanga okusoma omuzingo guno gusibeeko ejjinja ogukanyuge mu mugga Fulaati.

64 Olyoke ogambe nti, ‘Bw’ati Babulooni bwalisaanawo aleme kubbulukuka olw’akabi ke ndimuleetako. N’abantu be balizikirira.’ ”

Ebigambo bya Yeremiya bikoma awo.

# 52

*Okugwa kwa Yerusaalemi*

1 Zeddekiya yali wa myaka amakumi abiri mu gumu egy’obukulu we yafuukira kabaka, n’afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusaalemi. Nnyina yayitibwanga Kamutali muwala wa Yeremiya ow’e Libuna.

2 Zeddekiya n’akola eby’omuzizo mu maaso ga MUKAMA, nga Yekoyakimu bwe yali akoze.

3 Abalabe ba Yerusaalemi ne Yuda ne babalumba kubanga MUKAMA yali abanyiigidde. Ku nkomerero n’abagobamu mu nsi. Ebyo byonna ne bituuka ku Yerusaalemi ne ku Yuda, MUKAMA n’okubagoba n’abagoba mu maaso ge, ne Zeddekiya n’ajeemera kabaka w’e Babulooni.

4 Mu mwaka ogw’omwenda ogw’obufuzi bwa Zeddekiya, ku lunaku olw’ekkumi mu mwezi ogw’ekkumi, Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni n’eggye lye lyonna, n’alumba Yerusaalemi, ekibuga ekyo n’akizingiza n’akizimbako ebifunvu okukyetooloola.

5 Ekibuga ne bakizimbako ebifunvu okutuusa mu mwaka ogw’ekkumi n’ogumu ogw’obufuzi bwa kabaka Zeddekiya.

6 Ku lunaku olw’omwenda olw’omwezi ogwokuna enjala n’eba nnyingi nnyo mu kibuga nga tewaali kyakulya.

7 Bbugwe w’ekibuga yamenyebwa Abakaludaaya. Eggye lyonna erya Yerusaalemi ne lidduka okuva mu kibuga kiro nga bayita mu mulyango oguli wakati w’ebisenge ebibiri ebiri okumpi n’ennimiro lwa kabaka, newaakubadde ng’Abakaludaaya baali beetoolodde ekibuga. Badduka ne bagenda mu Alaba.

8 Eggye ly’Abakaludaaya ne ligoba kabaka Zeddekiya ne bamukwatira mu nsenyi ez’e Yeriko, Abaserikale be bonna ne bamuvaako ne basaasaana.

9 N’akwatibwa.

Zeddekiya n’atwalibwa eri kabaka w’e Babulooni e Libuna mu nsi ey’e Kamasi; n’amusalira omusango ne gumusinga.

10 Awo kabaka w’e Babulooni n’atta batabani ba Zeddekiya nga kitaabwe alaba; n’atta n’abakungu bonna aba Yuda.

11 N’alyoka aggyamu Zeddekiya amaaso n’amusiba mu masamba ag’ebikomo n’amutwala e Babulooni, gye yamuteeka mu kkomera okutuusa lwe yafa.

12 Ku lunaku olw’ekkumi olw’omwezi ogwokutaano, mu mwaka ogw’ekkumi ogw’obufuzi bwa Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni, Nebuzaladaani omuduumizi w’eggye erikuuma kabaka, eyaweerezanga kabaka w’e Babulooni, yajja e Yerusaalemi.

13 Nebukadduneeza n’ayokya yeekaalu ya MUKAMA n’olubiri lwa kabaka, n’ennyumba zonna eza Yerusaalemi. Buli kizimbe kyonna eky’omugaso n’akyokya.

14 Eggye lya Babulooni lyonna eryali liduumirwa omuduumizi
w'abakuumi bakabaka ne limenyera ddala ebisenge bya Yerusaalemi.
15 Nebuzaladaani omuduumizi w'abakuumi n'atwala abamu ku baavu
ennyo n'abo abaasigala mu kibuga, awamu n'abaweesi n'abaali bee-
waddeyo, mu buwaŋŋanguse eri kabaka w'e Babulooni.
16 Naye Nebuzaladaani n'asigazaayo abamu ku baavu ennyo mu
ggwanga okulabiriranga emizabbibu n'okulimanga.
17 Abakaludaaya ne bamenya empagi ez'ebikomo, n'ebikondo ebyali
biseetulwa, n'Ennyanja ey'ekikomo, ebyali mu nnyumba ya MUKAMA ne
batwala ekikomo kyonna e Babulooni.
18 Ne batwala n'entamu, n'ebisena, n'ebisalako ebisirinza, n'ebibya,
n'ebijiiko, n'ebintu byonna eby'ekikomo ebyakozesebwanga mu
kuweereza mu Yeekaalu.
19 Omuduumizi w'abakuumi ba kabaka n'atwala ebensani n'ebibya
by'obubaane, n'ebijiiko, n'ebikondo bye ttaala, n'ebibya, n'entamu
ebikozesebwa mu kiweebwayo ekyokunywa, byonna ebyali byakolebwa
mu zaabu ne ffeeza.
20 Ekikomo okuva ku mpagi ebbiri, n'Ennyanja, n'ennume ekkumi
n'ebbiri ez'ebikomo wansi waayo, n'ebikondo kabaka Sulemaani bye yali
akoledde yeekaalu ya MUKAMA, byali bizito nnyo ebitapimika.
21 Buli emu ku mpagi yali obuwanvu mita munaana ne desimoolo emu;
n'obwetoolovu mita ttaano ne desimoolo nnya; n'omubiri gwayo gwali
nga sentimita musanvu nga yamuwuluka.
22 Yaliko n'omutwe gw'ekikomo, n'omutwe gumu ng'obuwanvu bwayo
nga mita bbiri ne desimoolo ssatu, omutwe nga guliko ebitimbe
n'amakomamamawanga enjuuyi zonna, byonna nga bya bikomo; empagi
eyookubiri nayo yaliko ebifaanana ebyo n'amakomamamawanga.
23 Mu buli mbiriizi za buli mpagi kwaliko amakomamamawanga kyenda
mu mukaaga era gonna awamu okwetooloola empagi gaali amakoma-
mawanga kikumi.
24 Omuduumizi w'abakuumi n'atwala Seraaya kabona asinga obukulu
ne Sefaniya kabona owookubiri n'abaggazi abasatu nga basibe.
25 Abo abaali bakyali mu kibuga, n'atwalako omukungu akulira eggye,
n'abawi b'amagezi omusanvu. N'atwala n'omuwandiisi eyali omukungu
omukulu avunaanyizibwa okuwandiika abayingira mu magye ne basajja
be nkaaga abaasangibwa mu kibuga.
26 Nebuzaladaani omuduumizi n'abatwala bonna n'abaleeta eri kabaka
w'e Babulooni e Libuna.
27 Kabaka n'abattira eyo e Libuna, mu Kamasi.

Bw'atyo Yuda n'awaŋŋangusibwa, okuva mu nsi ya boobwe.

28 Buno bwe bungi bw'abantu Nebukadduneeza be yatwala mu
buwaŋŋanguse:

mu mwaka ogw'omusanvu ogw'obufuzi bwe:
Abayudaaya enkumi ssatu mu amakumi abiri mu basatu;
29 mu mwaka ogw'omunaana ogwa Nebukadduneeza,
n'atwala lunaana mu asatu mu babiri okuva e Yerusaalemi;
30 mu mwaka gwe ogw'amakumi abiri mu esatu,
Abayudaaya lusanvu mu ana mu bataano be baatwalibwa Nebuzal-
adaani omuduumizi w'abakuumi wa kabaka.

Bonna awamu ne baba abantu enkumi nnya mu lukaaga.

*Yekoyakini Asumululwa*

31 Awo mu mwaka ogw'amakumi asatu mu omusanvu ogw'okusibibwa
kwa Yekoyakini kabaka wa Yuda, mu mwaka Evirumerodaki lwe yafuuka
kabaka w'e Babulooni, n'ata Yekoyakini kabaka wa Yuda, n'amuggya
mu kkomera ku lunaku olw'amakumi abiri mu etaano olw'omwezi
ogw'ekkumi n'ebiri.
32 N'ayogera naye n'ekisa n'amuwa entebe ey'ekitiibwa eya waggulu
okusinga eza bakabaka abalala abaali naye e Babulooni.
33 Yekoyakini n'akyusa okuva mu ngoye ez'ekkomera era obulamu bwe
obusembayo n'aliranga ku mmeeza ya kabaka.
34 Era kabaka w'e Babulooni yawanga Yekoyakini ensako eya buli
lunaku, obulamu bwe bwonna okutuusa lwe yafa.

# Ekitabo Ekiyitibwa Okukungubaga

*Yerusaalemi Kifuuse Matongo*

1 Ekibuga ekyajjulanga abantu nga kyabuliddwa!
Ekyabanga eky'amaanyi mu mawanga,
nga kifuuse nga nnamwandu!
Eyali kabaka omukazi ng'alina amasaza,
afuuse omuddu omukazi.

2 Ekiro akaaba nnyo nnyini,
n'amaziga ne gakulukuta ku matama ge.
Mu baganzi be bonna,
talina n'omu amubeesabeesa.
Mikwano gye bonna bamuliddemu olukwe,
bafuuse balabe be.

3 Yuda agenze mu buwaŋŋanguse
oluvannyuma lw'okubonaabona n'okukozesebwa n'obukambwe ng'omuddu.
Kati abeera mu bannamawanga,
talaba kifo kya kuwummuliramu.
Bonna abamunoonya bamusanga
mu nnaku ye.

4 Enguudo za Sayuuni zikungubaga,
kubanga tewali n'omu ajja ku mbaga zaakyo ezaalagibwa.
Emiryango gye gyonna girekeddwa awo,
bakabona be, basinda;
bawala be abaweereza bali mu buyinike,
naye yennyini ali mu nnaku.

5 Abamuyigganya bafuuse bakama be;
abalabe be beeyagala,
kubanga MUKAMA amuleeseeko ennaku,
olw'ebibi bye ebingi.
Abaana be batwalibbwa mu buwaŋŋanguse,
bawambiddwa omulabe.

6 Ekitiibwa kyonna ekyali ku muwala wa Sayuuni
kimuweddeko,
abalangira be bafuuse ng'ennangaazi
ezibuliddwa omuddo;
mu bunafu,
badduse ababagoba.

7 Mu nnaku ez'okubonaabona kwe ng'asagaasagana,
Yerusaalemi ajjukira ebintu eby'omuwendo byonna
bye yalinanga mu nnaku ez'edda.
Abantu be bwe baagwa mu mikono gy'omulabe,

tewaali n’omu amubeera;
abalabe be ne bamutunuulira
ne bamusekerera olw’okugwa kwe.

8 Yerusaalemi yayonoona nnyo nnyini,
bw’atyo n’afuuka atali mulongoofu.
Bonna abaamussangamu ekitiibwa bamunyooma,
kubanga balabye bw’asigalidde awo;
ye yennyini asinda,
era akwatibwa ensonyi.

9 Obutali bulongoofu bwe bwali mu birenge bye;
teyassaayo mwoyo ku bulamu bwe obw’ebiseera ebijja.
Okugwa kwe kwali kwa kyewuunyo;
tewaali n’omu amubeesabeesa.
“Ayi MUKAMA, tunuulira okubonaabona kwange,
kubanga omulabe awangudde.”

10 Omulabe yagololera omukono
ku bintu bya Yerusaalemi byonna eby’omuwendo;
yalaba amawanga amakaafiiri
nga gayingira awatukuvu we,
beebo be wali ogaanye
okuyingira mu kuŋŋaaniro lyo.

11 Abantu be bonna basinda
nga bwe banoonya ekyokulya;
eby’obugagga byabwe babiwanyisaamu emmere,
okusobola okuba abalamu.
“Laba, Ayi MUKAMA Katonda, onziseeko omwoyo
kubanga nnyoomebwa.”

12 “Mmwe tekibakwatako, mmwe mwenna abayitawo?
mwetegereze mulabe
obanga waliwo obuyinike obwenkana,
obwantukako,
MUKAMA bwe yanteekako
ku lunaku olw’obusungu bwe obungi.

13 “Yaweereza omuliro okuva waggulu,
ne gukka mu magumba gange.
Yatega ebigere byange akatimba,
n’anzizaayo emabega.
Yandeka mpuubadde,
nga nzirise olunaku lwonna.

14 “Ebibi byange binfuukidde ekikoligo;
bisibiddwa ne binywezebwa omukono gwe.
Binzitoowerera mu bulago,
era bimmazeemu amaanyi.
Mukama ampaddeyo mu mikono gy’abo
be siyinza kugumiikiriza.

15 “Mukama anyoomye
abalwanyi abazira bonna abaali nange;
akuŋŋaanyizza eggye okunwanyisa,
okuzikiriza abavubuka bange.
Mukama alinnyiridde Omuwala Embeerera owa Yuda,
ng’omuntu bw’asambirira ezabbibu mu lyato ng’asogola.

16 “Kyenva nkaaba,
amaaso gange ne gajjula amaziga,
kubanga tewali n’omu andi kumpi okumbeesabeesa,
ayinza okunzizaamu amaanyi.
Abaana bange banakuwavu
kubanga omulabe awangudde.”

17 Sayuuni agolola emikono gye,
naye tewali n’omu amudduukirira.
MUKAMA awadde ekiragiro ku Yakobo
baliraanwa be babeere balabe be;
Yerusaalemi afuuse
ekintu ekitali kirongoofu wakati mu bo.

18 “MUKAMA mutuukirivu,
newaakubadde nga najeemera ekiragiro kye.
Muwulirize mmwe amawanga gonna,
mutunuulire okubonaabona kwange;
Abavubuka bange ne bawala bange
batwalibbwa mu busibe.

19 “Nakoowoola bannange bannyambe,
naye tebanfaako;
bakabona bange n’abakadde b’ekibuga kyange
bazikiririra mu kibuga
nga banoonya ekyokulya
baddemu amaanyi.

20 “Laba, Ayi MUKAMA Katonda bwe ndi omunakuwavu!
Ndi mu kubonaabona,
n’omutima gwange teguteredde
kubanga njeemye nnyo ekiyitiridde.
Ebweru ekitala kirindiridde okunsanyaawo,
ne mu nnyumba mulimu kufa kwereere.

21 “Abantu bawulidde okusinda kwange,
naye tewali n’omu ananyamba.
Abalabe bange bonna bawulidde okusinda kwange;
basanyukidde ekyo ky’okoze.
Olunaku lwe walangirira,
lubatuukeko, babeere nga nze.

22 “Obabonereze olw’obutali butuukirivu bwabwe bwonna,
nga nze bwe wambonereza.
Okusinda kwange kungi
n’omutima gwange guzirika.”

# 2

1 Obusungu bwa Mukama nga bubuubuukidde ku Muwala wa Sayuuni
ne bumussa wansi w'ekire!
Ekitiibwa kya Isirayiri, Mukama akissizza wansi
okuva mu ggulu okutuuka ku nsi;
ne yeerabira entebe ey'ebigere bye
ku lunaku lwe yasunguwalirako.

2 Mukama azikirizza
abatuula mu Yakobo bonna awatali kubasaasira;
mu busungu bwe amenye
ebigo eby'amaanyi eby'omuwala wa Yuda;
assizza wansi obwakabaka bwe n'abakungu be
n'abamalamu ekitiibwa.

3 Mu busungu obungi
amaanyi gonna aga Isirayiri agakendeezezza;
bw'alabye omulabe ng'asembera,
n'aggyawo omukono gwe ogwa ddyo;
anyiigidde Yakobo okufaanana ng'omuliro
bwe gubumbujja ne gwokya buli ekiguliraanye.

4 Anaanudde omutego gwe okufaanana nga ogw'omulabe,
era omukono gwe ogwa ddyo mweteefuteefu.
Azikirizza ebyo byonna ebisanyusa amaaso
mu weema ey'omuwala wa Sayuuni,
okufaanana ng'omulabe bwe yandikoze;
obusungu bwe bubuubuuka ng'omuliro.

5 Mukama afuuse ng'omulabe;
azikirizza Isirayiri,
n'azikiriza embiri ze,
n'azikiriza n'ebifo bye eby'amaanyi.
Aleetedde muwala wa Yuda
okweyongera okukaaba n'okukungubaga.

6 Asaanyizzaawo eweema ye n'efaanana ng'ennimiro,
era azikirizza n'ekifo kye eky'Okukuŋŋaanirangamu.
MUKAMA yeerabizza Sayuuni
embaga ze entukuvu ne ssabbiiti,
era mu busungu bwe obungi
anyoomye kabaka ne kabona.

7 Mukama atamiddwa ekyoto kye,
n'alekulira n'ekifo kye ekitukuvu.
Awaddeyo bbugwe w'embiri ze eri omulabe;
era baleekaanidde mu nnyumba ya MUKAMA,
ne baleetamu oluyoogaano
nga ku lunaku olw'embaga entukuvu.

8 MUKAMA yamalirira okumenya
bbugwe eyeetoolodde muwala wa Sayuuni,
n'agolola omuguwa ogupima,

Omukono gwe ne guteewala kuzikiriza.
Yaleetera enkomera ne bbugwe okukungubaga,
byonna ne biggweerera.

9 Emiryango gye gisse mu ttaka,
n'emitayimbwa gyagyo agimenye n'agyonoona.
Kabaka we n'abakungu be baawaŋŋangusizibwa,
eteri mateeka gaabwe agabafuga,
era ne bannabbi be tebakyafuna
kwolesebwa kuva eri MUKAMA.

10 Abakadde b'Omuwala wa Sayuuni
batuula wansi ku ttaka nga basiriikiridde;
bayiye enfuufu ku mitwe gyabwe
era beesibye ebibukutu;
n'abawala ba Yerusaalemi
bakotese emitwe gyabwe.

11 Amaaso gange gakooye olw'okukaaba
n'emmeeme yange enyiikadde
n'omutima gwange gulumwa
olw'okuzikirizibwa kw'abantu bange,
n'olw'abaana abato n'abaana abawere okuzirikira
wakati mu nguudo ez'omu kibuga.

12 Bakaabirira bannyaabwe nga bwe boogera nti,
"Omugaati n'envinnyo biri ludda wa?"
nga bwe bazirika okufaanana ng'abaliko ebiwundu
mu nguudo ez'ekibuga,
nga bwe bakaabira
mu bifuba bya bannyaabwe.

13 Nnyinza kugamba ki,
era kiki kye nnyinza okukugeraageranyaako
ggwe Omuwala wa Yerusaalemi?
Kiki kye nnyinza okukufaananya,
okukusanyusa ggwe
Omuwala Embeerera owa Sayuuni?
Ekiwundu kyo kinene nnyo,
kale ani ayinza okukiwonya?

14 Okwolesebwa bannabbi bo kwe baafuna,
kwali kwa bulimba era kwa butaliimu;
tebaakutegeeza obutali butuukirivu bwo
okukuwonya obusibe.
Engero ze baabanyumizanga
zaali za bulimba era eziwabya.

15 Bonna abayitawo
babakubira mu ngalo
ne bafuuwa empa ne banyeenyeza
omuwala wa Yerusaalemi emitwe gyabwe nga boogera nti,
"Kino kye kibuga ekyayitibwanga

ekituukiridde,
era essanyu ly'ensi zonna?"

16 Abalabe bo bonna
baasaamiridde nga beewuunya;
nga bafuuwa empa, era baluma amannyo
nga boogera nti, "Tumuzikirizza.
Luno lwe lunaku lwe twalindirira,
kaakano lutuukiridde, era tululabye."

17 MUKAMA akoze kye yateekateeka,
era atuukirizza ekigambo kye
kye yalagira mu nnaku ez'edda.
Akuzikirizza awatali kukusaasira,
aleetedde omulabe wo okukusekerera,
n'amaanyi g'abalabe bo agagulumizza.

18 Kaabirira Mukama
n'eddoboozi ery'omwanguka
ggwe Omuwala wa Sayuuni.
Leka amaziga go gakulukute ng'omugga
emisana n'ekiro.
Teweewummuza so toganya
maaso go kuwummula.

19 Golokoka, okaabe ekiro
obudde nga bwa kaziba;
Fuka emmeeme yo ng'amazzi
mu maaso ga Mukama.
Yimusa emikono gyo gy'ali,
olw'obulamu bw'abaana bo abato
abazirise olw'enjala
mu buli luguudo.

20 "Tunula, Ayi MUKAMA Katonda osaasire!
Ani gwe wali obonerezza bw'otyo?
Ddala, abakyala balye ebibala by'embuto zaabwe,
abaana be bakuzizza?
Ddala, bakabona ne bannabbi battibwe
mu watukuvu wa Mukama?

21 "Abato n'abakulu bonna bafiiridde wamu
mu nfuufu ey'enguudo;
abavubuka bange ne bawala bange
battiddwa n'ekitala;
obattidde ku lunaku olw'obusungu bwo,
era obasse awatali kusaasira.

22 "Nga bw'oyita abantu ku lunaku olw'embaga,
bw'otyo bw'ompitidde ebikemo ku njuyi zonna;
era ku lunaku olw'obusungu bwa MUKAMA,
tewali n'omu eyasimattuka newaakubadde eyasigalawo;
abo be nalabirira ne nkuza,
omulabe wange be yazikiriza."

# 3

1 Nze muntu eyakangavvulwa
n'omuggo ogw'obusungu bwe.
2 Angobye mu maaso ge n'antambuliza
mu kizikiza, awatali kitangaala;
3 ddala, omukono gwe gunnwanyisizza
emirundi egiddiriŋŋanwa olunaku lwonna.

4 Akaddiyizza omubiri gwange n'eddiba lyange
era amenye n'amagumba gange.
5 Antaayizza n'anzijuza
obulumi n'okubonaabona.
6 Antadde mu kizikiza
ng'abafu abaafa edda.

7 Ankomedde n'okuyinza ne siyinza kudduka,
ansibye enjegere ezizitowa.
8 Ne bwe mukoowoola ne mukaabira nga mmusaba anyambe,
okusaba kwange akuggalira bweru.
9 Anteeredde amayinja mu kkubo lyange
era akyamizza amakubo gange.

10 Ng'eddubu bwe liteega,
n'empologoma bwe yeekweka
11 yansikambula n'anziggya mu kkubo lyange n'antaagulataagula
n'andeka awo nga sirina anyamba.
12 Yanaanuula omutego gwe,
n'anteekawo okuba ssabbaawa ey'obusaale bwe.

13 Yafumita omutima gwange
n'obusaale okuva mu mufuko gwe.
14 Nafuuka ekisekererwa eri abantu bonna,
era bannyooma nga bannyimbirira okuzibya obudde.
15 Anzijuzza ebikaawa
era ampadde ekikompe eky'obubalagaze nkinywe.

16 Ampadde oluyinjayinja okululya amannyo gange ne gamenyeka;
anninnyiridde mu nfuufu.
17 Emmeeme yange terina mirembe,
n'okujjukira sijjukira bugagga bwe bufaanana.
18 Era njogera nti, "Ekitiibwa kyange kigenze,
n'essuubi lyonna lye nalina mu MUKAMA limpeddeko."

19 Nzijukira okubonaabona kwange n'okuwankawanka kwange,
n'obulumi n'obubalagaze.
20 Mbijjukira bulungi
era bwe mbirowoozaako omutima gwange gulumwa.
21 Ebyo byonna mbijjukira,
kyenvudde mbeera n'essuubi.

22 Olw'okwagala kwa MUKAMA okutaggwaawo,

tetulimalibwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo.
23 Buli lukya ekisa kyo kiba kiggya;
n’obwesigwa bwo bwa lubeerera.
24 Njogera mu mutima gwange nti, “MUKAMA gwe mugabo gwange,
kyenaava mbeera n’essuubi mu ye.”

25 MUKAMA mulungi eri abo abamulinamu essuubi,
eri oyo amunoonya.
26 Kirungi omuntu okulindirira
obulokozi bwa MUKAMA n’obukkakkamu.
27 Kirungi omuntu okwetikka ekikoligo kye
mu buvubuka bwe.

28 Atuulenga yekka mu kasirise
kubanga MUKAMA y’akimwambiseemu.
29 Leka akweke amaaso ge mu nfuufu, mpozi wanaabaawo essuubi.
30 Leka aweeyo oluba lwe okukubibwa,
era amalibwe n’okuvumibwa.

31 Kubanga Mukama taligobera bantu bweru
ebbanga lyonna.
32 Newaakubadde ng’aleeta obulumi, aliraga ekisa
kubanga okwagala kwe kungi nnyo tekuggwaawo.
33 Tagenderera kuleeta bulumi
newaakubadde okubonaabona ku baana ba bantu.

34 MUKAMA akkiriziganya
n’okulinnyirira abasibe,
35 n’okuggyako omuntu obwetwaze bwe
mu maaso g’Oyo Ali Waggulu Ennyo,
36 oba n’obutaba na bwenkanya eri omuntu?

37 Ani ayinza okwogera ekintu ne kituukirira,
Mukama nga takiragidde?
38 Mu kamwa k’oyo Ali Waggulu Ennyo,
si mmwe muva ebigambo eby’okubeerwa n’eby’okubonereza?
39 Lwaki omuntu omulamu yeemulugunya,
bw’abonerezebwa olw’ebibi bye?

40 Twekebere engeri zaffe, era tuzeetegereze,
tudde eri MUKAMA.
41 Tuyimuse emitima gyaffe n’emikono gyaffe
eri Katonda mu ggulu, twogere nti,
42 “Twayonoona ne tujeema,
tokyerabiranga era tonatusonyiiwa.

43 “Ojjudde obusungu n’otugobaganya,
n’otutta awatali kutusaasira.
44 Weebisseeko ekire,
waleme okubaawo okusaba n’okumu okutuuka gy’oli.
45 Otufudde obusa n’ebisasiro
mu mawanga.

46 “Abalabe baffe bonna batwogerako
ebigambo ebibi.
47 Tubonyeebonye olw’entiisa n’emitego
n’okunyagibwa n’okuzikirizibwa.”
48 Amaaso gange gakulukuta emigga gy’amaziga
olw’okuzikirira kw’abantu bange.

49 Era amaaso gange ganeeyongeranga okukulukuta amaziga
awatali kusirika,
50 okutuusa MUKAMA lw’alisinzira
mu ggulu n’alaba.
51 Bye ndaba bireeta ennaku ku mutima gwange,
olw’ebyo ebyatuuka ku bawala b’ekibuga kyange.

52 Abalabe bange banjigganya olutata
ne baba ng’abayigga ennyonyi.
53 Bagezaako okuzikiririza obulamu bwange mu bunnya,
ne bankasuukirira amayinja;
54 amazzi gaabikka omutwe gwange,
ne ndowooza nti, nsanyeewo.

55 “Nakoowoola erinnya lyo, Ayi MUKAMA,
nga ndi mu bunnya wansi ennyo;
56 wawulira okwegayirira kwange: toziba matu go
eri okukaaba kwange.”
57 Bwe nakukoowoola wansemberera
n’oyogera nti, “Totya!”

58 Mukama watunula mu nsonga yange,
era n’ononula obulamu bwange.
59 Ayi MUKAMA, walaba ebibi bye bankola,
obasalire omusango nga bwe kibagwanira.
60 Walaba bwe bampalana,
n’enkwe zaabwe zonna ze bansalira.

61 Wawulira bye banvuma, Ayi MUKAMA Katonda,
n’enkwe zaabwe zonna ze bansalira,
62 obwama n’ebirowoozo eby’abalabe bange
bye bantesaako obudde okuziba.
63 Batunuulire mu kutuula kwabwe ne mu kuyimirira kwabwe;
bannyooma nga bwe bannyimbirira.

64 Obasasule nga bwe kibagwanira Ayi MUKAMA Katonda,
olw’ebikolwa eby’emikono gyabwe.
65 Osseeko ekibikka ku mitima gyabwe,
n’ekikolimo kyo kibabeereko.
66 Obayigganye mu busungu bwo obazikirize
ng’osinziira mu ggulu lya MUKAMA Katonda.

# 4

1 Zaabu ng’ettalazze!
Zaabu ennungi ng’efuuse!

Amayinja ag'omuwendo gasaasaanye
buli luguudo we lutandikira.

2 Abaana ba Sayuuni ab'omuwendo
abaali beenkana nga zaabu ennungi,
kaakano bali ng'ensuwa ez'ebbumba,
omulimu gw'emikono gy'omubumbi.

3 Ebibe biyonsa
abaana baabyo,
naye abantu bange bafuuse ng'abatalina kisa,
bafaanana nga bammaaya mu ddungu.

4 Olw'ennyonta omwana ayonka gy'alina,
olulimi lwe lukwatira ku kibuno ky'akamwa ke;
abaana basaba emmere
naye tewali n'omu agibawa.

5 Abaalyanga ebiwoomerera
basabiriza ku nguudo;
n'abo abaakuzibwa ng'abambala engoye ezinekaaneka
bali ku ntuumu ez'ebisasiro.

6 Ekibonerezo ky'abantu bange
kisinga ekya Sodomu,
ekyawambibwa mu kaseera akatono,
nga tewali n'omu azze kukibeera.

7 Abalangira baabwe baatukula nnyo okusinga omuzira,
nga beeru okusinga amata;
n'emibiri gyabwe nga mimyufu okusinga amayinja amatwakaavu,
era banyirivu nga safiro.

8 Naye kaakano badduggala okusinga enziro,
era tebakyasobola kutegeerekeka mu nguudo.
Olususu lwabwe lukalidde ku magumba gaabwe;
lukaze ng'ekiti ekikalu.

9 Abafa ekitala bafa bulungi
okusinga abafa enjala,
kubanga abafa enjala bayongobera ne baggwaawo
olw'obutaba na mmere mu nnimiro.

10 Abakazi ab'ekisa abaagala abaana
bafumbye abaana baabwe;
abaana abaafuuka emmere
abantu bange bwe baazikirizibwa.

11 MUKAMA akituukirizza mu busungu bwe obungi,
era abayiyeeko obusungu bwe obungi.
Yakoleeza omuliro mu Sayuuni
ogwayokya emisingi gyakyo.

12 Bakabaka b’ensi
n’abantu ab’ensi endala tebakkiriza,
nti abalabe n’ababakyawa baliyingira
mu wankaaki wa Yerusaalemi.

13 Ebyo byabatuukako olw’ebibi bya bannabbi be,
n’olw’obutali butuukirivu bwa bakabona be,
abaayiwa omusaayi
gw’abatuukirivu abaababeerangamu.

14 Badoobera mu nguudo
nga bamuzibe;
bajjudde omusaayi
so tewali ayaŋŋanga okukwata ku byambalo byabwe.

15 Abantu baabagobaganya nga boogera nti, “Muveewo, mmwe abatali balongoofu!
Muviireewo ddala, so temutukwatako!”
Bwe baafuuka emmombooze,
amawanga gabagobaganya nga boogera nti,
“Tebakyasaana kubeera wano.”

16 MUKAMA yennyini abasaasaanyizza,
takyabafaako.
Bakabona tebakyassibwamu kitiibwa,
newaakubadde abakadde okuweebwa ebifo eby’oku mwanjo.

17 Amaaso gaffe gakooye
olw’okulindirira okubeerwa okutajja;
nga tulindirira
eggwanga eriyinza okutulokola.

18 Baatucocca
ne batulemesa okutambulira mu nguudo zaffe;
enkomerero yaffe n’eba kumpi,
n’ennaku zaffe ne ziggwaayo.

19 Abaatuyiganyanga baatusinga embiro
okusinga n’empungu ez’omu bbanga.
Baatugobera mu nsozi
ne batuteegera mu ddungu.

20 Oyo MUKAMA gwe yafukako amafuta
yagwa mu mitego gyabwe.
Twalowooza nga tulikwekebwa mu kisiikirize kye
ne tubeeranga mu mawanga.

21 Sanyuka ojaguze, ggwe Omuwala wa Edomu,
abeera mu nsi ya Uzi;
naye lumu olinywa ku kikompe
n’otamiira ne weeyambula.

22 Ggwe Muwala wa Sayuuni, ekibonerezo kyo kikomye awo,
talikwongerayo mu busibe.
Naye ggwe omuwala wa Edomu, MUKAMA alikubonereza,
n'ayanika ekibi kyo mu lujjudde.

# 5

1 Jjukira Ayi MUKAMA ekitutuuseeko.
Tunula olabe ennaku yaffe.
2 Omugabo gwaffe guweereddwa bannamawanga,
n'amaka gaffe gatwaliddwa abatali ba mu nnyumba.
3 Tufuuse bamulekwa abatalina bakitaabwe,
ne bannyaffe bafuuse bannamwandu.
4 Tusasulira amazzi ge tunywa;
n'enku tuteekwa okuzigula.
5 Abatucocca batugobaganya;
tukooye ate nga tetulina wa kuwummulira.
6 Twakola endagaano ne Misiri n'Abasuuli
okutufuniranga ku mmere.
7 Bajjajjaffe baayonoona, ne bafa,
naye tubonerezebwa olw'ebikolwa byabwe ebitaali bya butuukirivu.
8 Abaddu be batufuga,
tewali n'omu ayinza okutulokola mu mukono gwabwe.
9 Tuba kumpi n'okuttibwa nga tunoonya emmere,
olw'ekitala ekiri mu ddungu.
10 Olususu lwaffe luddugadde ng'enziro
olw'enjala ennyingi.
11 Abakyala ba Sayuuni,
n'abawala embeerera ab'omu bibuga bya Yuda bakwatiddwa olw'amaanyi.
12 Abalangira bawanikibbwa baleebeetera ku mikono gyabwe
n'abakadde tewali abassaamu kitiibwa.
13 Abavubuka bawalirizibwa okusa emmere ku jjinja ne ku lubengo,
n'abalenzi batagala nga beetisse entuumu z'enku.
14 Abakadde tebakyatuula mu wankaaki w'ekibuga,
n'abavubuka tebakyayimba.
15 Emitima gyaffe tegikyasanyuka,
n'okuzina kwaffe kufuuse kukungubaga.
16 Engule egudde okuva ku mitwe gyaffe.
Zitusanze kubanga twonoonye!
17 Emitima gyaffe kyegivudde gizirika,
era n'amaaso gaffe kyegavudde gayimbaala.
18 Olw'okuba nga olusozi Sayuuni lulekeddwa nga lwereere,
ebibe kyebivudde bitambulirako.

19 Ggwe, Ayi MUKAMA obeerera ennaku zonna;
entebe yo ey'obwakabaka ya mirembe na mirembe.
20 Lwaki otwelabiririra ddala okumala ennaku ezo zonna?
Tuddiremu, Ayi MUKAMA, tudde gy'oli.
21 Tukomyewo gy'oli Ayi MUKAMA,
otuzze buggya ng'edda;
22 wabula ng'otusuulidde ddala,

era ng’otusunguwalidde nnyo nnyini obutayagala na kutuddiramu.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ezeekyeri

*Ebintu Ebiramu n'Ekitiibwa kya MUKAMA*

1 Awo mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwezi ogwokuna ku lunaku
olwokutaano mu mwezi ogwo, bwe nnali nga ndi mu buwaŋŋanguse ku
mabbali g'omugga Kebali, eggulu ne libikkulwa, ne ndaba okwolesebwa
okuva eri Katonda.
2 Ku lunaku olwokutaano mu mwezi ogwo, gwe gwali omwaka ogwoku-
taano ogw'obuwaŋŋanguse bwa kabaka Yekoyakini,
3 ekigambo kya MUKAMA ne kinzijjira, nze Ezeekyeri kabona, muta-
bani wa Buuzi, mu nsi ey'Abakaludaaya ku mabbali g'omugga Kebali,
n'omukono gwa MUKAMA gwali ku ye.
4 Awo ne ntunula ne ndaba kibuyaga ng'ava mu bukiikakkono, n'ekire
ekikutte ekimyansa ekyamwetooloola, wakati nga wafaanana ng'awali
ekyuma ekimasamasa.
5 Wakati mu muliro mwalabika ng'omwali ebiramu ebina, nga birina
ekifaananyi ky'omuntu.
6 Buli kimu kyalina obwenyi buna, n'ebiwaawaatiro bina.
7 Amagulu gaabyo gaali magolokofu, n'ebigere byabyo nga bifaanana
ekigere ky'ennyana, era nga bitangalijja ng'ekikomo ekizigule.
8 Byalina engalo ez'omuntu wansi w'ebiwaawaatiro byabyo ku njuyi
zaabyo ennya. Byonna ebina byalina obwenyi n'ebiwaawaatiro,
9 era ebiwaawaatiro byabyo nga bisonga waggulu, buli kiwaawaatiro
nga kikoona ku kinnaakyo. Buli kimu kyatambula nga kiraga mu maaso,
nga tekikyuse kutunula mabega.
10 Obwenyi bwabyo bwafaanana bwe buti: Buli kimu kyalina ekyenyi
eky'omuntu, oluuyi olwa ddyo olwa buli kyenyi nga lufaanana ekyenyi
eky'empologoma, n'oluuyi olwa kkono ku buli kyenyi nga lufaanana
ekyenyi eky'ente, ate nga birina n'ekyenyi ky'emunyungu.
11 Ebyenyi byabyo n'ebiwaawaatiro byabyo byali byanjuluze nga
bitunudde waggulu. Buli kimu kyalina ebiwaawaatiro bibiri, buli
kiwaawaatiro nga kikona ku kinnaakyo, ebibiri ebirala nga bibisse ku
mibiri gyabyo.
12 Buli kimu kyali kitunudde gye kyali kiraga. Omwoyo gye yalaganga
nabyo gye byalaganga, ne bitakyuka kudda mabega.
13 Endabika ey'ebiramu ebyo yafaanana ng'omuliro ogwaka
ogw'amanda oba omuliro ogw'omumuli. Omuliro gwavanga mu maaso
n'emabega, nga gwakaayaakana era nga gumyansa.
14 Ebiramu byetawulanga ng'okumyansa okw'eggulu.
15 Bwe nnali nga nkyali ku ebyo, ne ndaba zinnamuziga ku ttaka
emabbali wa buli kiramu, n'ebyenyi byabyo ebina.
16 Endabika eya zinnamuziga n'okukolebwa kwazo kwali nga berulo,*
zonna nga zifaanana. Buli emu yafaanana nga nnamuziga ekwataganye
ne ginnaayo.
17 Era zeetooloolera mu njuyi zonna ennya, nga tezizinaazina
ng'ebiramu bitambula.

---
* **1:16** Berulo ejjinja ery'omuwendo

18 Empanka zaazo zaali mpanvu nga zitiisa, era empanka ennya zonna nga zijjuddemu amaaso.

19 Ebiramu bwe byaseeseetukanga, zinnamuziga zaabyo nazo ne ziseeseetuka; ebiramu bwe byagolokokanga okuva mu ttaka zinnamuziga nazo ne zigolokoka.

20 Omwoyo buli gye yabanga agenda, gye byagendanga, ne zinnamuziga ne zisitukira wamu nazo, kubanga omwoyo eyali mu biramu ye yabanga ne mu zinnamuziga.

21 Ebiramu bwe byaseeseetukanga, nazo ne ziseeseetuka, ebiramu bwe byasitukanga, nazo ne zisituka; ebiramu bwe byagolokokanga okuva ku ttaka, ne zinnamuziga ne zigolokokera wamu nazo, kubanga omwoyo ow'ebiramu yabanga mu zinnamuziga.

22 Waggulu w'emitwe gy'ebiramu waliwo ekifaananyi eky'ekifo ekigazi, ekyatemagananga ng'omuzira.

23 Wansi w'ekifo ekyo ekigazi ebiwaawaatiro byabyo byali bigolole, nga bituukagana, buli kiramu nga kirina ebiwaawaatiro bibiri ebyabikkanga emibiri gyabyo.

24 Ebiramu bwe byagenda, nawulira okuwuuma kw'ebiwaawaatiro byabyo, ng'okuwuuma kw'amazzi amangi, ng'eddoboozi lya Ayinzabyonna, ng'oluyoogaano lw'eggye. Bwe byayimirira, ne bissa ebiwaawaatiro byabyo.

25 Awo ne wawulikika eddoboozi okuva waggulu w'ekifo ekigazi waggulu w'emitwe gyabyo, bwe byayimiriranga nga bissizza ebiwaawaatiro byabyo.

26 Waggulu w'ekifo ekigazi waggulu w'emitwe gyabyo waaliwo ekyafaanananga entebe ey'obwakabaka, eya safiro, ate waggulu w'ekifaananyi eky'entebe ey'obwakabaka nga watuddeyo eyafaanana ng'omuntu.

27 Ekyo nakirabira ku kyafaanana ng'ekiwato kye, okwambuka ng'afaanana ng'ekyuma ekyengeredde, nga kiriko omuliro mungi; n'okuva mu kiwato kye okukka ng'afaanana omuliro, nga yeetooloddwa okumasamasa enjuuyi zonna.

28 Ekitiibwa ekyamwetooloolanga kyafaanana nga musoke mu bire ku lunaku olw'enkuba. Ekyo kye kyali ekifaananyi eky'ekitiibwa kya MUKAMA.

Bwe nakiraba, ne nvuunama, ne mpulira eddoboozi ly'oyo eyali ayogera.

# 2

*Okuyitibwa kwa Ezeekyeri*

1 N'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, yimirira njogere naawe."

2 Awo bwe yali ng'akyayogera nange, Omwoyo nanzikako n'annyimusa, ne mpulira ng'ayogera nange.

3 N'ayogera nti, "Omwana w'omuntu, nkutuma eri Abayisirayiri, eri eggwanga ejeemu eryanjeemera, era bo ne bajjajjaabwe banjeemera okuva edda n'okutuusa olunaku lwa leero.

4 Abantu be nkutumamu bakakanyavu era bakozi ba bibi. Bategeeze nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,'

5 Oba banaawuliriza oba tebaawulirize, kubanga nnyumba njeemu, balimanya nga mu bo musituseemu nnabbi.

6 Kaakano ggwe omwana w'omuntu, tobatya newaakubadde ebigambo bye banaayogera, newaakubadde emyeramannyo n'amaggwa nga bikwetoolodde, era ng'obeera wakati mu njaba ez'obusagwa. Totya bigambo bye banaayogera newaakubadde okutekemuka kubanga nnyumba njeemu.

7 Oteekwa okubategeeza ebigambo byange, oba banaawuliriza oba tebaawulirize, kubanga bajeemu.

8 Naye ggwe omwana w'omuntu wuliriza kye nkugamba. Tojeema ng'ennyumba eyo bwe yanjeemera. Yasamya akamwa ko olye bye nkuwa."

9 Awo ne ntunula, ne ndaba omukono nga gugoloddwa gye ndi, mu gwo nga mulimu omuzingo gw'ekitabo.

10 N'agwanjuluriza mu maaso gange, munda nga muwandiikibbwamu ne kungulu nga kuwandiikibbwako ebigambo eby'okukungubaga n'okukuba ebiwoobe, n'okukaaba.

# 3

1 Awo n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, lya ekiri mu maaso go, lya omuzingo gw'empapula guno; oluvannyuma ogende oyogere eri ennyumba ya Isirayiri."

2 Ne njasama, n'ampa omuzingo gw'empapula ne ngulya.

3 N'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, lya omuzingo gw'empapula gwe nkuwa, ojjuze olubuto lwo." Ne ngulya, ne guwoomerera ng'omubisi gw'enjuki.

4 Oluvannyuma n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, kaakano laga eri ennyumba ya Isirayiri oyogere ebigambo byange gye bali.

5 Sikutuma eri eggwanga eririna enjogera etategeerekeka era abalina olulimi oluzibu, b'otayinza kutegeera mu njogera, naye eri ennyumba ya Isirayiri,

6 so si eri abantu abangi abalina enjogera etategeerekeka era abalina olulimi oluzibu, b'otayinza kutegeera bye bagamba. Mazima singa nakutuma gye bali, bandikuwulirizza.

7 Naye ennyumba ya Isirayiri si beetegefu kukuwuliriza kubanga si beetegefu kumpuliriza; era ennyumba ya Isirayiri yonna balina ekyenyi kikalubo n'emitima mikakanyavu.

8 Naye naawe ndikufuula omukalubo era omukakanyavu mu mutima nga bo.

9 Ndifuula ekyenyi kyo okuba ng'ejjinja erikaluba ennyo, erikaluba ng'ejjinja ery'embaalebaale. Tobatya so totiisibwatiisibwa, newaakubadde nga nnyumba njeemu."

10 N'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, wuliriza bulungi era okwate ebigambo byonna bye njogera naawe.

11 Genda kaakano eri abantu bo, mu buwaŋŋanguse, oyogere nabo. Bagambe nti, Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda, obanga banaawulira, obanga tebaawulire."

12 Awo Omwoyo n'ansitula, ne mpulira emabega wange eddoboozi ng'okuwuluguma okunene nga lyogera nti, "Ekitiibwa kya MUKAMA kyebazibwe mu kifo gy'abeera."

13 Okuwuuma okw'ebiwaawaatiro by'ebiramu nga bikuubagana, n'okuwuuma kwa zinnamuziga ku mabbali gaabyo kwali ng'okuwuluguma okw'amaanyi.

14 Omwoyo n'ansitula n'antwala, ne ŋŋendera mu buyinike ne mu busungu, ng'omukono gwa MUKAMA ogw'amaanyi guli ku nze.

15 Ne ntuuka mu kifo ekimu awaali abawaŋŋanguse e Terabibu ku mugga Kebali, ne ntuula mu bo okumala ennaku musanvu, nga nsamaaliridde.

### *Okulabula Isirayiri*

16 Oluvannyuma lw'ennaku omusanvu ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira:
17 "Omwana w'omuntu, nkufudde omukuumi w'ennyumba ya Isirayiri, era buli lw'onoowuliranga ekigambo kye nnaayogeranga, balabulenga.
18 Bwe ŋŋamba atali mutuukirivu nti, 'Mazima tolirema kufa,' n'otamulabula newaakubadde okwogera naye ng'omulabula alekeyo engeri ze ezitali za butuukirivu asobole okuwonya obulamu bwe, omuntu oyo atali mutuukirivu alifa olw'obutali butuukirivu bwe, naye omusaayi gwe ndiguvunaana ggwe.
19 Naye bw'olirabula omuntu atali mutuukirivu, n'atalekaayo obutali butuukirivu, newaakubadde engeri ze embi, alifa olw'ekibi kye, naye obulamu bwo bulilokolebwa.
20 "Ate era bw'alireka ebikolwa bye eby'obutuukirivu n'akola ebibi, ne nteeka enkonge mu maaso ge, alifa. Olw'okubanga tewamulabula, alifa olw'ekibi kye. Ebikolwa eby'obutuukirivu bye yakola tebirijjukirwa, era ndikuvunaana olw'omusaayi gwe.
21 Kyokka bw'olabulanga omutuukirivu obutayonoona, n'atayonoona, ddala ddala aliba mulamu kubanga yawulira okulabula kwo, era naawe oliba weerokodde."
22 Omukono gwa MUKAMA gw'andiko eyo, n'aŋŋamba nti, "Golokoka olage ku ttale, era eyo gye nnaayogerera naawe."
23 Ne nsituka ne ndaga ku ttale. Ekitiibwa kya MUKAMA kyaliwo, nga kifaanana ekitiibwa kye nalaba ku Mugga Kebali; ne neeyala wansi.
24 Awo Omwoyo n'anzikako, n'annyimusa okuva we nnali, n'aŋŋamba nti, "Genda weggalire mu nnyumba yo.
25 Ggwe omwana w'omuntu balikusiba emiguwa, n'olemwa okugenda okulaba abantu bo.
26 Ndiziba akamwa ko, n'osirikira ddala, n'olema okubanenya, newaakubadde nga nnyumba njeemu.
27 Kyokka bwe ndyogera gy'oli, ndizibula akamwa ko era olibagamba nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Ayinzabyonna.' Aliwuliriza kale aliwuliriza, n'oyo aligaana okuwuliriza naye muleke agaane okuwuliriza; nnyumba njeemu."

# 4

### *Ekifaananyi Ekiraga Okuzingizibwa kwa Yerusaalemi*

1 "Kaakano omwana w'omuntu, ddira ekipande eky'ebbumba okiteeke mu maaso go, okikubeko ekifaananyi ky'ekibuga Yerusaalemi,
2 okizingize, okizimbeko bbugwe okukyetooloola, okituumeko ekifunvu, era oteekewo ensiisira okukyetooloola n'ebifunvu bye banaatomera enjuuyi zonna.
3 "Oluvannyuma oddire olukalango olw'ekyuma, oluteeke okuba bbugwe ow'ekyuma wakati wo n'ekibuga, okyuke okitunuulire. Kiriba mu mbeera ey'okuzingizibwa, era naawe kizingize. Ako kaliba kabonero eri ennyumba ya Isirayiri.

4 “N’oluvannyuma oligalamira ku lubiriizi lwo olwa kkono n’oddira
ekibi ky’ennyumba ya Isirayiri okyeteekeko. Olyetikka ekibi kyabwe
ennaku z’olimala ng’ogalamidde ku lubiriizi lwo.
5 Ennaku z’olimala ezenkanankana emyaka gye baamala nga boonoona.
Noolwekyo olimala ennaku ebikumi bisatu mu kyenda nga weetisse ekibi
ky’ennyumba ya Isirayiri.
6 “Ekyo bw’olikimala, oligalamira nate, ku mulundi guno ku lubiriizi
lwo olwa ddyo, ne weetikka ekibi ky’ennyumba ya Yuda. Olimala ennaku
amakumi ana, buli lunaku mwaka.
7 Olikyusa amaaso go n’otunula eri okuzingizibwa kwa Yerusaalemi,
okyogerereko ebigambo n’omukono gwo ogutali mubikkeko,
8 Ndikusiba emiguwa n’otosobola kwekyusa okuva ku luuyi olumu
okudda ku lulala, okutuusa ennaku ez’obusibe bwo lwe ziriggwaako.
9 “Ddira eŋŋaano ne sayiri, n’obulo, n’omukyere, n’ebijanjalo, n’enva
endiirwa endala obisse mu kibya omuterekebwa, obikozese okwefumbira
omugaati. Oligulya mu nnaku ezo ebikumi ebisatu mu ekyenda z’oliba
ogalamidde ku luuyi olw’omubiri gwo.
10 Opime gulaamu ebikumi bibiri mu amakumi asatu ez’emmere
gy’olirya buli lunaku, era gy’oliriira mu biseera ebigere.
11 Ate opime nga kitundu kya lita ey’amazzi, oganywe mu biseera
ebigere.
12 Olye emmere nga bwe wandiridde keeke eya sayiri; ogifumbe n’obusa
bw’omuntu, ng’abantu balaba.”
13 Mukama n’aŋŋamba nti, “Mu ngeri eno abantu ba Isirayiri baliriira
emmere etali nnongoofu mu mawanga gye ndibasindika.”
14 Ne njogera nti, “Nedda Ayi Mukama Katonda. Sseeyonoonesanga,
era okuva mu buto bwange n’okutuusa kaakano siryanga kifu wadde
ekitaaguddwataaguddwa ensolo enkambwe. Siryanga nnyama etali
nnongoofu.”
15 N’ayogera nti, “Weewaawo, nnaakukkiriza okukozesa obusa bw’ente
okufumba omugaati mu kifo ky’obusa bw’abantu.”
16 N’oluvannyuma n’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, ndisalako
emmere eri mu Yerusaalemi. Abantu balirya emmere engere mu kutya,
ne banywa amazzi amapime mu kutya,
17 kubanga emmere n’amazzi biriba bya bbula. Tebalyagala kwe-
tunulako, era baliggwaawo olw’ekibi kyabwe.”

# 5

1 “Kaakano, omwana w’omuntu, ddira ekitala ekyogi, okikozese nga
weembe ya kinyoozi okwemwa omutwe n’ekirevu. N’oluvannyuma
oteeke enviiri ku minzaani ozipime era ozigabanyeemu.
2 Ennaku ez’obusibe bwo bwe ziriggwaako, oyokere kimu kya kusatu ku
nviiri ezo mu kibuga. Ekimu kya kusatu ekirala okisaasaanye mu mpewo.
Ndibagobesa ekitala.
3 Naye ddira ku miguwa mitono, egy’enviiri ogifundikire mu kyambalo
kyo.
4 Ate era ddira mitono ku egyo, ogisuule mu muliro, ogyokye. Omuliro
gulibuna ennyumba ya Isirayiri yonna okuva okwo.
5 “Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda nti, Eno ye Yerusaalemi gye
nateeka wakati mu mawanga, ng’ensi zonna zigyetoolodde.

6 Naye, boonoonye okusinga amawanga n'ensi abemwetoolodde bwe boonoonye ne bajeemera amateeka n'ebiragiro byange. Ajeemedde amateeka gange, n'atagoberera biragiro byange.

7 "Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Mubadde bajeemu nnyo n'okusinga amawanga agabeetoolodde ne mutagoberera biragiro byange wadde okukuuma amateeka gange. Mukoze ebibi okusinga amawanga agabeetoolodde ne mutagoberera biragiro byange wadde okukuuma amateeka gange. Mwonoonye okukira amawanga agabeetoolodde bwe gakola.

8 "Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nze kennyini ndi mulabe wo, Yerusaalemi, era ndikubonerereza mu maaso g'amawanga.

9 Olwa bakatonda bo abalala bonna ab'emizizo, ndikukola ekyo kye sikolanga, era kye siriddayo kukola.

10 Bakitaabwe baliriira abaana baabwe mu maaso gammwe, ate n'abaana balirya bakitaabwe, era ndikubonereza ne nsasaanya abalisigalawo eri empewo.

11 Noolwekyo nga bwe ndi omulamu, olw'okuyonoonesa awatukuvu wange ne bakatonda abalala ab'ekivve, n'ebikolwa byammwe eby'ekivve, nze kennyini kyendiva nnema okukulaga ekisa, era sirikulaga kisa wadde okukusaasira, bw'ayogera MUKAMA Katonda.

12 Kimu kya kusatu ku bantu bo balifa kawumpuli oba bazikirire olw'ekyeya nga bali mu ggwe. Kimu kya kusatu ekirala kirittibwa ekitala ebweru wa bbugwe, ne kimu kya kusatu ekirala ndikisaasaanya eri empewo ne mbagoba n'ekitala ekisowole.

13 "Olwo nno obusungu bwange n'ekiruyi kyange birikkakkana, era ndiba nesasuzza. Era bwe ndibasunguwalira balimanya nga nze MUKAMA nkyogeredde mu buggya.

14 "Ndikufuula ekyazikirira era ekivume mu mawanga agakwetoolodde, mu maaso g'abo bonna abayitawo.

15 Bwe ndikubonerereza mu busungu bwange, ne mu kiruyi kyange nga nnyiize, oliba kivume, oyogerebweko oyeeyerezebwe. Oliba kyakulabula era ekintu ekitiisa eri amawanga agakwetoolodde. Nze MUKAMA nkyogedde.

16 Bwe ndirasa obusaale obutta era obuzikiriza obw'ekyeya ndirasa okubazikiriza. Ndyongera okuleeta ekyeya, ne nsalako n'emmere ebaweebwa.

17 Ndibaleetera ekyeya n'ensolo enkambwe ez'omu nsiko, ne zibaleka nga temulina baana. Kawumpuli n'okuyiwa omusaayi biribatuukako, ne mbaleetako ekitala. Nze MUKAMA nkyogedde."

# 6

*Obubaka eri Ensozi za Isirayiri*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira nti,

2 "Omwana w'omuntu tunuulira ensozi za Isirayiri,

3 oyogere nti, 'Mmwe ensozi za Isirayiri, muwulire ekigambo kya MUKAMA Katonda. Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda eri ensozi n'obusozi, eri emigga n'ebiwonvu, nti, Nze kennyini ndibaleetako ekitala ne nzikiriza n'ebifo byammwe ebigulumivu.

4 Ebyoto byammwe birimenyebwamenyebwa, n'ebyoto kwe mwotereza obubaane birimenyebwamenyebwa; ndittira abantu bo mu maaso ga bakatonda bo abalala.

5 Ndiddira emirambo gy'Abayisirayiri ne ngiteeka mu maaso ga bakatonda baabwe abalala, era ndisaasaanya amagumba go okwetooloola ebyoto byo.
6 Buli gye mubeera ebibuga biriyonoonebwa n'ebifo byammwe ebigulumivu birisaanyizibwawo, n'ebyoto byammwe ne byonoonebwa ne bimenyebwamenyebwa, ne bakatonda bammwe ne bamenyebwamenyebwa ne boonoonebwa, era n'ebyoto byammwe ebyokerwako obubaane ne bimenyebwa ne bye mukoze ne bisaanawo.
7 Abantu bo balittibwa wakati mu mmwe, ne mulyoka mumanya nga nze MUKAMA.
8 " 'Naye ndirekawo abamu ku mmwe, era muliba bakaawonawo nga musaasaanye mu nsi ne mu mawanga.
9 Era eyo mu mawanga bakaawonawo gye mwatwalibwa mu busibe, mulinzijukira, kubanga nnumwa olw'emitima gyabwe eginjeemedde egyegomba era egisinza bakatonda abalala. Balikyama olw'obutali butuukirivu bwabwe, n'olwebikolwa byabwe byonna ebigwenyufu.
10 Era balimanya nga nze MUKAMA; saabatiisiza bwereere okubaleetako akabi kano.
11 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Kuba mu ngalo zo, osambagale era okaabire waggulu oyogere nti, "Woowe"; olw'ebikolwa byonna ebitali bya butuukirivu n'ebintu byonna eby'ekkive eby'ennyumba ya Isirayiri; abamu baligwa n'ekitala, abalala balifa enjala, n'abalala balifa kawumpuli.
12 Ali ewala alifa kawumpuli, n'oyo ali okumpi aligwa n'ekitala, n'oyo alisigalawo alifa enjala. Bwe ntyo bwe ndiraga obusungu bwange.
13 Mulitegeera nga nze MUKAMA, abantu baabwe bwe balisangibwa nga bafiiridde wakati mu bakatonda baabwe be baakola n'emikono okwetooloola ebyoto byabwe, ne ku buli lusozi oluwanvu, ne ku buli ntikko ez'ensozi, ne buli wansi w'omuti oguliko ebikoola, n'omwera oguliko ebikoola, ebifo gye baali nga bootereza obubaane eri bakatonda baabwe be baakola n'emikono.
14 Era ndigolola omukono gwange ku bo, ensi ne yonooneka ne tebalamu kintu okuva ku ddungu okutuuka e Dibula, ne buli gye babeera. Olwo balimanya nga nze MUKAMA.' "

# 7

*Enkomerero Etuuse*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nti,
2 "Omwana w'omuntu, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda eri ensi ya Isirayiri nti:
" 'Enkomerero! Enkomerero etuuse
ku nsonda ennya ez'ensi.
3 Enkomerero ebatuuseeko
era ndibasumulurira obusungu bwange,
ne mbasalira omusango ng'engeri zammwe bwe ziri
era ndibabonereza ng'ebikolwa byammwe eby'ekkive byonna bwe biri.
4 Siribatunuulira na liiso lya kisa
newaakubadde okubasonyiwa;
naye ndibasasula ng'engeri zammwe,
n'ebikolwa byammwe eby'ekkive bwe biri mu mmwe.
Mulyoke mumanye nga nze MUKAMA.'

5 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti:
“ ‘Okuzikirizibwa okutali kumu
laba kujja.
6 Enkomerero etuuse,
enkomerero etuuse!
Ebagolokokeddeko
era ejja.
7 Akabi kabajjidde,
mmwe abatuuze.
Ekiseera kituuse era olunaku luli kumpi,
olunaku olw’okutya so si olw’okujaguliriza ku nsozi.
8 Nnaatera okubalaga obusungu bwange,
n’ekiruyi kyange.
Ndibasalira omusango ng’enneeyisa yammwe bw’eri,
ne mbasasula ng’ebikolwa byammwe byonna eby’ekkive bwe biri.
9 Siribatunuulira na liiso lya kisa
newaakubadde okubasonyiwa.
Ndibabonereza ng’engeri zammwe bwe ziri
n’ebikolwa byammwe eby’ekkive bwe biri mu mmwe.
Mulyoke mumanye nga nze MUKAMA Katonda, era mbonereza.
10 “ ‘Olunaku luuluno
lutuuse.
Akabi kabajjidde,
obutali bwenkanya bumeze,
n’amalala gamulisizza.
11 Obusungu bweyongedde
ne bufuuka omuggo okubonereza obutali butuukirivu;
tewaliba n’omu alisigalawo;
tewaliba n’omu ku kibiina
newaakubadde ku byobugagga byabwe,
newaakubadde eky’omuwendo.
12 Ekiseera kituuse,
n’olunaku lutuuse.
Agula aleme okusanyukirira,
n’oyo atunda aleme okunakuwala,
kubanga obusungu bubuubuukidde ku kibiina kyonna.
13 Atunda taliddizibwa
kintu kye yatunda,
bombi bwe banaaba nga bakyali balamu.
Kubanga okubonerezebwa kuli ku kibiina kyonna
so tekukyajulukuka.
Era olw’ebibi byabwe tewaliba n’omu
aliwonya obulamu bwe.

14 “ ‘Ne bwe balifuuwa ekkondeere
ne bateekateeka buli kimu,
tewaliba n’omu aligenda mu lutalo,
kubanga obusungu bwange bubuubuukidde ku kibiina kyonna.
15 Ebweru waliyo ekitala
ne munda waliyo kawumpuli n’enjala.
Abali ku ttale
balifa kitala,
abali mu kibuga

balimalibwawo kawumpuli n'enjala.
16 N'abo abaliwonawo
baliddukira mu nsozi,
nga bakaaba nga bukaamukuukulu
obw'omu biwonvu,
buli omu olw'ebibi bye.
17 Emikono gyonna giriremala,
n'amaviivi gonna galiba ng'amazzi.
18 Balyambala ebibukutu,
ne bakwatibwa ensisi;
baliswala,
n'emitwe gyabwe girimwebwa.

19 " 'Balisuula effeeza yaabwe mu nguudo,
ne zaabu yaabwe eriba ekitali kirongoofu;
effeeza yaabwe ne zaabu yaabwe
tebiriyinza kubalokola
ku lunaku lwa MUKAMA olw'obusungu bwe.
Era tebalikkuta
newaakubadde okukkusibwa.
Ebyo bye byabaleetera okugwa mu kibi.
20 Ebintu byabwe eby'omuwendo byabaleetera amalala,
era ekyavaamu kwe kukola bakatonda abalala ab'emizizo
n'ebintu ebirala eby'ekivve,
era kyendiva mbifuula ebitali birongoofu gye bali.
21 Ndibiwaayo byonna eri bannamawanga
n'eri abakozi b'ebibi ab'omu nsi okuba omunyago
era balibyonoona.
22 Ndikyusa amaaso gange ne si batunuulira,
era balyonoona ekifo kyange eky'omuwendo;
n'abanyazi balikiyingiramu
ne bakyonoona.

23 " 'Muteeketeeke enjegere
kubanga ensi ejjudde omusango ogw'okuyiwa omusaayi,
n'ekibuga kijjudde effujjo.
24 Ndireeta eggwanga erisingirayo ddala okuba ebbi,
ne batwala ennyumba zaabwe,
era ndikomya amalala gaabwe
n'ebifo byabwe ebitukuvu biryonoonebwa.
25 Entiisa bw'erijja,
balinoonya emirembe naye tebaligifuna.
26 Akabi kalyeyongera ku kabi,
ne ŋŋambo ne zeeyongera;
balinoonya okwolesebwa okuva eri nnabbi,
naye okuyigirizibwa kwa kabona kulibula
n'okubuulirira kw'abakadde kulyerabirwa.
27 Kabaka alikaaba,
n'omulangira alijjula obuyinike,
n'emikono gy'abantu mu ggwanga girikankana olw'entiisa.
Ndibakolako ng'enneeyisa yaabwe bw'eri,
era ndibasalira omusango ng'ensala yaabwe bw'eri.

Balyoke bamanye nga nze MUKAMA Katonda.’ ”

# 8

*Eby’ekivve mu Yeekaalu*

1 Awo mu mwaka ogw’omukaaga, mu mwezi ogw’omukaaga ku lunaku olwokutaano, bwe nnali nga ntudde mu nnyumba yange n’abakadde ba Yuda, nga batudde mu maaso gange omukono gwa MUKAMA Katonda ne gunzikako.

2 Bwe natunula ne ndaba ekifaananyi ky’omuntu, okuva mu kiwato kye okukka wansi ngali ng’omuliro, n’okuva mu kiwato kye okwambuka ng’ayakaayakana ng’ekyuma ekyaka omuliro.

3 N’agolola ekyalabika ng’omukono n’akwata enviiri zange. Omwoyo n’ansitula wakati w’ensi n’eggulu mu kwolesebwa kwa Katonda n’antwala e Yerusaalemi ku mulyango ogw’oluggi olutunuulira Obukiikakkono olw’oluggya olw’omunda ogutunuulira Obukiikakkono, awaali bakatonda abalala abaleetera Katonda obuggya.

4 Era awo we waali ekitiibwa kya Katonda wa Isirayiri, ng’okwolesebwa kwe nalaba mu kyererezi.

5 Awo n’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, yimusa amaaso eri Obukiikakkono.” Awo ne nnyimusa amaaso gange, era laba mu mulyango ogw’Obukiikakkono ogw’oluggi lw’ekyoto ne ndaba ekifaananyi eky’obuggya.

6 N’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, olaba kye bakola, ebigambo eby’ekivve ennyumba ya Isirayiri byekolera wano, nga bangobera wala n’ekifo kyange ekitukuvu? Naye oliraba ebintu eby’ekivve ebisingawo.”

7 Awo n’antwala ku mulyango ogw’oluggya. Ne ndaba ekituli mu bbugwe.

8 N’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, kaakano sima mu bbugwe.” Ne nsima mu bbugwe, ne ndabayo omulyango.

9 Awo n’aŋŋamba nti, “Yingira olabe ebikolwa ebitali bya butuukirivu n’eby’ekivve bye bakola eyo.”

10 Ne nnyingira ne ndaba, era ku bisenge ne ndabako ebyekulula ebya buli kika kyonna, n’ensolo ez’emizizo ne bakatonda abalala bonna ab’ennyumba ya Isirayiri.

11 Abakadde nsanvu ab’ennyumba ya Isirayiri baali bayimiridde mu maaso gaabyo, ne Yaazaniya mutabani wa Safani, ng’ayimiridde wakati mu bo. Buli omu ku bo yali akute ekyoterezo mu mukono gwe, ng’ekire eky’akaloosa ak’obubaane kinyooka okuva mu byo.

12 N’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, olabye abakadde b’ennyumba ya Isirayiri bye bakola mu nzikiza, buli omu ng’ali mu ssabo lya katonda we? Bagamba nti, ‘MUKAMA tatulaba, era MUKAMA yeerabira ensi.’ ”

13 N’addamu n’aŋŋamba nti, “Oliraba ebintu eby’ekivve ebisinga n’ebyo.”

14 Awo n’antwala ku mulyango ogw’oluggi olw’Obukiikakkono ogw’ennyumba ya MUKAMA, ne ndaba abakazi abatudde eyo nga bakaabira katonda waabwe Tammuzi.

15 N’aŋŋamba nti, “Ebyo obirabye, omwana w’omuntu? Oliraba eby’ekivve ebisinga n’ebyo.”

16 Awo n’antwala mu luggya olw’omunda olw’ennyumba ya MUKAMA,
awo ku mulyango gwa yeekaalu ya MUKAMA wakati w’ekisasi n’ekyoto,
nga waliwo abasajja ng’amakumi abiri mu bataano, nga bakubye amabega

eyeekaalu ya MUKAMA, nga batunudde Ebuvanjuba, ne bagwa bugazi nga
basinza enjuba nga batunudde Ebuvanjuba.
17 N'ambuuza nti, "Ebyo obirabye, omwana w'omuntu? Kintu kitono
ennyumba ya Yuda okukola ebintu eby'ekivve bye baakola wano?
Kibagwanira okujjuza ensi n'ebikolwa eby'obukambwe ne bongeranga
okunyiiza? Laba basembeza ettabi ku nnyindo yaabwe!
18 Kyendiva mbabonereza n'obusungu; siribakwatirwa kisa
newaakubadde okubasonyiwa, era ne bwe balindekaanira siribawuliriza."

# 9

### *Okuttibwa kw'Abasinza bakatonda abalala*

1 Awo ne mpulira ng'akoowoola n'eddoboozi ery'omwanguka nti,
"Muleete abakuumi b'ekibuga wano, buli omu n'ekyokulwanyisa kye mu
mukono gwe."
2 Ne ndaba abasajja mukaaga nga bava ku luuyi olw'omulyango
ogw'engulu, ogutunudde mu bukiikakkono, buli omu ng'akutte ekissi mu
ngalo ze; nga ku bo kuliko omusajja ayambadde linena nga yeesibye
ebyokuwandiisa ku lukugunyu. Ne bayingira ne bayimirira ku mabbali
g'ekyoto eky'ekikomo.
3 Awo ekitiibwa kya Katonda wa Isirayiri ne kiva mu bakerubi mwe
kyali, ne kidda ku mulyango gwa yeekaalu. MUKAMA n'ayita omusajja
ayambadde linena nga yeesibye ebyokuwandiisa ku lukugunyu,
4 n'amugamba nti, "Genda ng'oyitaayita mu kibuga kyonna ekya
Yerusaalemi, oteeke akabonero ku byenyi by'abeesisiwadde era
abanakuwadde olw'ebintu byonna eby'ekivve ebikolebwa wakati mu
kyo."
5 Abalala n'abagamba, nga mpuliriza nti, "Mumugoberere muyiteeyite
mu kibuga mutte, nga temusaasira newaakubadde okulaga ekisa.
6 Mutte abasajja abakadde, abavubuka n'abawala, n'abakyala n'abaana
abato, naye temukwata ku aliko akabonero. Mutandikire mu watukuvu
wange." Ne batandikira ku bakadde abaali mu maaso ga yeekaalu.
7 N'abagamba nti, "Eyeekaalu mugyonoone, mujjuze empya abattibwa,
mugende!" Ne bafuluma ne bagenda nga batta mu kibuga kyonna.
8 Bwe baali nga batta ne bandeka awo nzekka, ne nvuunama wansi, ne
nkaaba nga njogera nti, "Ayi MUKAMA Katonda, olizikiriza ekitundu kya
Isirayiri ekyasigalawo kyonna mu busungu bw'ofuse ku Yerusaalemi?"
9 N'anziramu nti, "Ekibi ky'ennyumba ya Isirayiri ne Yuda kisusse nnyo;
ensi ejjudde okuyiwa omusaayi, n'ekibuga kijjudde obutali bwenkanya.
Boogera nti, 'MUKAMA yayabulira ensi, era MUKAMA takyalaba.'
10 Kyendiva nema okubatunuulira n'eriiso erisaasira newaakubadde
okubalaga ekisa, naye ndileeta akabi ku mitwe gyabwe olw'ebikolwa
byabwe ebibi."
11 Awo omusajja ayambadde linena nga yeesibye ebyokuwandiisa ku
lukugunyu n'akomyawo obubaka eri MUKAMA nti, "Nkoze nga bwe
walagidde."

# 10

### *Ekitiibwa kya MUKAMA Kiva mu Yeekaalu*

1 Ne ntunula, laba, ekifaananyi eky'entebe ey'obwakabaka eya safiro
nga kiri waggulu w'ekibangirizi w'emitwe gya bakerubi.

2 MUKAMA n'agamba omusajja ayambadde linena nti, "Genda wakati wa
zinnamuziga wansi wa bakerubi, otoole amanda mu mukono gwo okuva
wakati mu bakerubi, ogasaasaanye mu kibuga." N'ayitawo nga ntunula.
3 Bakerubi baali bayimiridde ku luuyi olw'Obukiikaddyo obwa yeekaalu;
omusajja bwe yayingira ekire ne kijjula mu luggya olw'omunda.
4 Awo ekitiibwa kya MUKAMA ne kyambuka okuva waggulu wa bakerubi
ne kidda mu mulyango gwa yeekaalu. Ekire ne kijjula mu yeekaalu,
n'oluggya ne lujjula okumasamasa okw'ekitiibwa kya MUKAMA.
5 N'okuwuuma kw'ebiwaawaatiro bya bakerubi ne kuwulikika wala mu
luggya olw'ebweru, ng'eddoboozi lya MUKAMA ow'Eggye bwe liwulikika
ng'ayogedde.
6 MUKAMA bwe yalagira omusajja ayambadde linena nti, "Toola omuliro
okuva mu zinnamuziga, wakati mu bakerubi," omusajja n'ayingira
n'ayimirira ku mabbali ga nnamuziga emu.
7 Awo omu ku bakerubi n'agolola omukono gwe eri omuliro ogwali
wakati wa bakerubi, n'addira ogumu ku gwo, n'aguteeka mu ngalo
ez'omusajja ayambadde linena, eyagutwala n'afuluma.
8 Wansi w'ebiwaawaatiro bya bakerubi waalabika ng'awaali emikono
gy'omuntu.
9 Ne ndaba zinnamuziga nnya ku mabbali ga bakerubi buli nnamuziga
ng'eriraanye kerubi, zinnamuziga nga ziyakaayakana ng'ejjinja erya
berulo.
10 Mu ndabika nga zifaanagana, nnamuziga emu ng'eri ng'etudde mu
ginnaayo.
11 Mu kuseeseetuka, zaaseeseetukanga mu njuyi nnya bakerubi gye
baatunulanga, era zinnamuziga z'omu maaso gye zaayiringitiranga,
n'endala zonna gye zaayiringitiranga.
12 Omubiri gwabwe gwonna, n'emigongo gyabwe, n'emikono gyabwe,
n'ebiwaawaatiro byabwe, ne zinnamuziga, nga zijjudde amaaso enjuuyi
zonna.
13 Ne mpulira zinnamuziga nga ziyitibwa "ezeetooloola eziwulukuka."
14 Buli emu ku zo yalina obwenyi buna: obwenyi obw'olubereberye
bwali bwa kerubi, obwokubiri nga bwa musajja, obwokusatu nga bwa
mpologoma, obwokuna nga bwa mpungu.
15 Awo bakerubi ne basituka. Bye biramu bye nalaba ku mabbali
g'omugga Kebali.
16 Bakerubi bwe baaseeseetukanga, zinnamuziga ezaali ku mabbali
ne ziseeseetukira wamu nabo; bakerubi bwe baayanjuluzanga ebi-
waawaatiro byabwe okusituka okuva ku ttaka, zinnamuziga nazo teza-
avanga ku lusegere.
17 Bakerubi bwe baayimiriranga, nazo ne ziyimirira; bakerubi bwe
baasitukanga, nnamuziga ne zisitukira wamu nabo, kubanga omwoyo
ow'ebiramu yali mu zo.
18 Awo ekitiibwa kya MUKAMA ne kiva ku mulyango gwa yeekaalu ne
kiyimirira waggulu wa bakerubi.
19 Ne ndaba bakerubi nga bayanjuluza ebiwaawaatiro byabwe, ne
basituka okuva ku ttaka, ne zinnamuziga nazo ne zigendera ku mabbali
gaabwe. Ne bayimirira awayingirirwa ku luggi olw'ebuvanjuba olwa
yeekaalu ya MUKAMA, n'ekitiibwa kya Katonda owa Isirayiri nga kiri
waggulu waabwe.
20 Era ebyo bye biramu bye nalaba wansi wa Katonda wa Isirayiri ku
mugga Kebali, olwo ne ntegeera nga bakerubi.

21 Buli omu yalina obwenyi buna n'ebiwaawaatiro bina, ne wansi
w'ebiwaawaatiro byabwe nga waliyo ebyali ng'emikono gy'omuntu.
22 Obwenyi bwabwe bwanfaananira nga buli bwe nalaba ku mugga
Kebali. Buli omu n'atambula n'agenda mu maaso.

# 11

### *Abakulembeze ba Isirayiri Basalirwa Omusango*

1 Awo Omwoyo n'ansitula n'antwala ku luggi olw'ebuvanjuba
olw'ennyumba ya MUKAMA. Ku mulyango awo waaliwo abasajja amakumi
abiri mu bataano wakati mu bo nga mwe muli Yaazaniya mutabani wa
Azuli ne Peratiya mutabani wa Benaya, abakulembeze b'abantu.
2 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, bano be basajja
abeekobaana okukola ebitali bya butuukirivu era abawabya ekibuga kino.
3 Boogera nti, 'Ekiseera tekituuse tuzimbe amayumba? Ekibuga kino ye
ntamu, ffe nnyama.'
4 Kyonoova obawa obunnabbi; era yogera ggwe omwana w'omuntu."
5 Awo Omwoyo wa MUKAMA n'anzikako, n'aŋŋamba nti, "Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA nti, Bwe mutyo bwe mwogera, ggwe ennyumba ya
Isirayiri, naye mmanyi ebirowoozo byammwe.
6 Musse abantu bangi mu kibuga kino, ne mujjuza enguudo zaakyo
abafu.
7 "MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Emirambo gye musuddemu ye
nnyama, n'ekibuga kino ye ntamu, naye ndikibagobamu.
8 Mutya ekitala, era ekitala kye ndibaleetako, bw'ayogera MUKAMA
Katonda.
9 Ndibagoba mu kibuga, ne mbawaayo mu mukono gwa bannamawanga
ne bababonereza.
10 Muligwa n'ekitala, era ndibasalira omusango ku nsalo ya Isirayiri, ne
mumanya nga nze MUKAMA.
11 Ekibuga kino tekiriba ntamu yammwe, era nammwe temuliba
nnyama yaakyo. Ndibasalira omusango ku nsalo ya Isirayiri.
12 Mulitegeera nga nze MUKAMA, kubanga temugoberedde biragiro
byange newaakubadde amateeka gange, naye mukoze ng'amawanga
amalala agabeetoolodde bwe gakola."
13 Awo bwe nnali nkyayogera ebyobunnabbi, Peratiya mutabani wa
Benaya n'afa. Ne ngwa bugazi wansi ne nkaaba n'eddoboozi ddene,
nga njogera nti, "Ayi MUKAMA Katonda, olimalirawo ddala ekitundu kya
Isirayiri ekyasigalawo?"
14 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
15 "Omwana w'omuntu, baganda bo, baganda bo ab'enda yo
n'ennyumba yonna eya Isirayiri, beebo abantu ab'omu Yerusaalemi be
baayogerako nti, 'Bali wala ne MUKAMA, era ensi eno yatuweebwa okuba
omugabo gwaffe.' "

### *Abayisirayiri Basuubizibwa Okuddayo*

16 "Kyonoova oyogera nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
Newaakubadde nga nabasindika mu mawanga ne mbasaasaanya mu nsi
nnyingi, naye mbalabiriridde mu nsi gye baagenda.'
17 Era kyonoova oyogera nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda
nti: ndibakuŋŋaanya okuva mu mawanga ne mbaggya mu nsi gye
mwasaasaanyizibwa, ne mbaddiza ensi ya Isirayiri.'

18 “Bwe balikomawo, baliggyamu ebitali bya butuukirivu byonna
n’eby’emizizo ebirimu byonna.
19 Ndibawa omutima gumu ne mbateekamu omwoyo omuggya; ndibag-
gyamu omutima ogw’ejjinja, ne mbawa omutima ogw’ennyama.
20 Oluvannyuma baligoberera ebiragiro byange, ne bagenderera okuku-
uma amateeka gange, era baliba bantu bange, nange ndiba Katonda
waabwe.
21 Naye abo abanaagoberera ebitali bya butuukirivu n’eby’emizizo,
ndibaleetako ebyo bye baakola ku mitwe gyabwe, bw’ayogera MUKAMA
Katonda.”
22 Awo bakerubi, ne zinnamuziga nga ziri ku mabbali gaabwe ne
bayimusa ebiwaawaatiro byabwe, ng’ekitiibwa kya Katonda wa Isirayiri
kibali waggulu.
23 Ekitiibwa kya MUKAMA ne kiva wakati mu kibuga ne kiyimirira
waggulu w’olusozi oluli ku luuyi olw’ebuvanjuba w’ekibuga.
24 Omwoyo n’ansitula mu kwolesebwa okw’Omwoyo wa Katonda
n’antwala mu Bukaludaaya eri abaawaŋŋangusibwa.
25 Awo okwolesebwa kwe nafuna ne nkuvaako, ne ntegeeza
abaawaŋŋangusibwa byonna MUKAMA bye yali andaze.

# 12

1 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng’agamba nti,
2 “Omwana w’omuntu obeera mu bantu abajeemu. Balina amaaso
okulaba, naye tebalaba, balina n’amatu okuwulira naye tebawulira,
kubanga bantu bajeemu.
3 “Noolwekyo omwana w’omuntu, sibako ebibyo ogende mu
buwaŋŋanguse, ate kikole misana, nga balaba ogende mu kifo ekirala.
Oboolyawo balitegeera, newaakubadde nga nnyumba njeemu.
4 Fulumya ebibyo by’otwala mu buwaŋŋanguse emisana, nga balaba.
Ate akawungeezi, ofulume nga balaba, ogende ng’abo abagenda mu
buwaŋŋanguse.
5 Botola ekituli mu bbugwe oyiseemu ebibyo, nga balaba.
6 Biteeke ku kibegabega kyo nga balaba, obifulumye obudde nga
buwungeera. Bikka ku maaso oleme okulaba ensi, kubanga nkufudde
akabonero eri ennyumba ya Isirayiri.”
7 Ne nkola nga bwe ndagiddwa. Emisana, ne nfulumya ebintu byange
nga neetegese okugenda mu buwaŋŋanguse. Akawungeezi ne nkuba
ekituli mu bbugwe n’engalo zange, ne nfulumya ebyange nga mbitadde
ku kibegabega kyange nga balaba, obudde nga buwungedde, enjuba
ng’ebuliddeyo.
8 Ku makya, ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng’agamba nti,
9 “Omwana w’omuntu, ennyumba ya Isirayiri enjeemu teyakubuuza nti,
‘Okola ki ekyo?’
10 “Bagambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, obubaka
buno bukwata ku mufuzi ali mu Yerusaalemi, n’abantu ba Isirayiri bonna
abaliyo.’
11 Bagambe nti, ‘Ndi kabonero gye muli.’
“Nga bwe nkoze, nabo bwe balikibakola. Baliwaŋŋangusibwa ne
batwalibwa nga bawambe.
12 “Omufuzi ali mu bo aliteeka ebintu bye ku kibegabega kye agende
ng’obudde buwungedde, enjuba ng’ebuliddeyo, balibotola ekituli mu
bbugwe ayitemu agende. Alibikka amaaso ge, aleme kulaba nsi.

13 Ndimwanjuliriza ekitimba kyange, akwatibwe mu mutego gwange. Ndimutwala e Babulooni, mu nsi ey'Abakaludaaya, naye taligiraba, era eyo gy'alifiira.

14 Ndisaasaanyiza eri empewo zonna, bonna abamwetoolodde, abakozi be n'eggye lye lyonna era ndibawondera n'ekitala ekisowoddwa.

15 "Balimanya nga nze MUKAMA bwe ndibasaasaanya mu mawanga, ne mbabunya mu nsi.

16 Kyokka ndirekawo batono ku bo abaliwona ekitala, n'abaliwona enjala n'abaliwona kawumpuli, balyoke bejjuse olw'ebikolwa byabwe eby'emizizo, nga bali eyo mu mawanga. Olwo balitegeera nga nze MUKAMA."

17 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng'agamba nti,

18 "Omwana w'omuntu, lya emmere yo ng'okankana, era nnywa amazzi go ng'ojugumira."

19 Tegeeza abantu ab'omu nsi nti, "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ku abo ababeera mu Yerusaalemi ne mu nsi ya Isirayiri nti, Balirya emmere yaabwe nga beeraliikirira, banywe n'amazzi gaabwe nga batya, kubanga ensi yaabwe erinyagibwa mu buli kintu ekirimu, olw'obukambwe bw'abo bonna ababeera eyo.

20 Ebibuga ebituulwamu birizikirizibwa, n'ensi n'efuuka amatongo, mulyoke mumanye nga nze MUKAMA."

21 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng'agamba nti,

22 "Omwana w'omuntu, makulu ki agali mu lugero olukwata ku nsi ya Isirayiri, olugamba nti, 'Ennaku ziggwaayo naye teri kwolesebwa kutuukirira?'

23 Bagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, ŋŋenda kukomya olugero luno, era tebaliddayo nate kulwogera, mu Isirayiri.' Bagambe nti, 'Ebiro binaatera okutuuka, okwolesebwa kwonna lwe kulituukirira.

24 Tewaliba nate kwolesebwa kwa bulimba newaakubadde obunnabbi obusavuwaze mu bantu ba Isirayiri.

25 Naye nze MUKAMA ndyogera kye ndisiima, era kirituukirira amangu ddala. Mu nnaku zo ggwe ennyumba enjeemu, ndyogera ekigambo era ndikituukiriza, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

26 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng'agamba nti,

27 "Omwana w'omuntu, laba, ennyumba ya Isirayiri egamba nti, 'Okwolesebwa kwalaba kw'amyaka mingi okuva ne kaakano, era ayogera obunnabbi obulibaawo mu bbanga ery'ewala.'

28 "Noolwekyo bagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, tewalibaawo nate kigambo kyange na kimu ekirirwisibwa, buli kye njogera kirituukirira, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

# 13

*Bannabbi Aboobulimba Basalirwa Omusango*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira ng'agamba nti,

2 "Omwana w'omuntu, yogera ebyobunnabbi eri bannabbi ba Isirayiri aboogera obunnabbi kaakano. Tegeeza abo aboogera obunnabbi bwe bayiiyizza nti, 'Muwulire ekigambo kya MUKAMA.

3 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, zibasanze bannabbi abasirusiru abagoberera omwoyo gwabwe ate nga tebalina kye balabye.

4 Isirayiri, bannabbi bo bali ng'ebibe ebitambulatambula mu bifulukwa.

5 Temwambuse kuddaabiriza bbugwe n'okuziba ebituli ebirimu ku
lw'ennyumba ya Isirayiri, esobole okuyimirira nga ngumu mu lutalo ku
lunaku lwa MUKAMA Katonda.
6 Okwolesebwa kwabwe kukyamu, n'okubikkulirwa kwabwe kwa bu-
limba. MUKAMA ne bw'aba tabatumye boogera nti, "bw'ati bw'ayogera
MUKAMA Katonda," ne bamusuubira okutuukiriza ebyo bye boogedde.
7 Temulabye kwolesebwa kukyamu ne mwogera n'okubikkulirwa
okw'obulimba, bwe mwogedde nti, "MUKAMA bw'ati bw'ayogera,"
newaakubadde nga mba soogedde?
8 " 'Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, olw'ebigambo
byo ebikyamu n'olw'okwolesebwa kwo okw'obulimba, ndi mulabe wo.
9 Omukono gwange gulibeera ku bannabbi abalaba okwolesebwa
okukyamu era aboogera okubikkulirwa okw'obulimba. Tebalituula mu
kibiina eky'abantu bange newaakubadde okuwandiikibwa ku nkalala
z'ennyumba ya Isirayiri, wadde okuyingira mu nsi ya Isirayiri. Olwo
olimanya nga nze MUKAMA Katonda.
10 " 'Olw'okuba nga babuzaabuza abantu bange nga boogera nti,
"Mirembe," ate nga tewali mirembe, ate bwe bazimba bbugwe omunafu,
ne basiigako langi okubikka bye batazimbye bulungi,
11 kyonoova ogamba abo ababikkirira ne langi nti bbugwe aligwa.
Enkuba eritonnya nnyo, era ndisindika omuzira, n'embuyaga ez'amaanyi
zirikunta.
12 Bbugwe bw'aligwa, abantu tebalikubuuza nti, "Langi gye wasiigako
eruwa?"
13 " 'Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Mu kiruyi
kyange ndisindika kibuyaga ow'amaanyi, ne mu busungu bwange
ndisindika omuzira, ne mu bukambwe obungi enkuba ennyingi ennyo
eritonnya okukizikiriza.
14 Ndimenya bbugwe gwe mwasiiga langi musaasaanye ku ttaka,
n'omusingi gwe gusigale nga gwasaamiridde. Bw'aligwa, alikugwiira
n'ozikirizibwa, olyoke omanye nga nze MUKAMA Katonda.
15 Ndimalira ekiruyi kyange ku bbugwe ne ku abo abaakisiiga langi, nga
ŋŋamba nti, "Bbugwe agenze, era abaamusiiga langi nabo balugenze,
16 abo bannabbi ba Isirayiri abaayogera eby'obunnabbi eri Yerusaalemi
ne balabikirwa okwolesebwa ow'emirembe gye bali, ate nga tewaaliwo
mirembe, bw'ayogera MUKAMA Katonda." '
17 "Kaakano omwana w'omuntu, amaaso go gateeke ku bawala b'abantu
bo aboogera eby'obunnabbi bye bayiiyizza. Bawe obunnabbi, oyogere nti,
18 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Zibasanze abakazi abatunga
ebikomo eby'obulogo ku mikono gyabwe ne batunga ebyokwebikkirira ku
mutwe ebiwanvu mu ngeri ez'enjawulo basobole okutega abantu. Olitega
obulamu bw'abantu bange, naye ne weesigaliza obubwo?
19 Onswazizza mu bantu bange olw'embatu entono eza sayiri
n'olw'obukunkumuka bw'emigaati, bw'osse abantu abatateekwa kut-
tibwa, ate n'oleka abatateekwa kuba balamu, ng'obalimba nabo ne
bawuliriza eby'obulimba.
20 " 'Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Ndi mulabe
w'obulogo bwo, bw'okozesa okuteega abantu ng'ateega ebinyonyi, era
ndibaggya mu mikono gyo. Ndinunula abantu be wateega ng'ebinyonyi
n'obasiba.
21 Ndiyuza ebyambalo byo ebyokwebikkirira, ne mponya abantu bange
mu mikono gyo, ne bataddayo kugwa mu mutego gwa buyinza bwo, olyoke
omanye nga nze MUKAMA Katonda.

22 Kubanga wanakuwaza abatuukirivu n'obulimba bwo, ate nga nnali sibanakuwazza. Olw'okuleetera abakozi b'ebibi okweyongera mu ngeri zaabwe ezitali za butuukirivu, n'owonya obulamu bwabwe,

23 ky'oliva olemwa okulaba okwolesebwa okukyamu wadde okufuna okubikkulirwa. Ndiwonya abantu bange okuva mu mikono gyo, olyokye omanye nga nze MUKAMA Katonda.' "

# 14

1 Abamu ku bakadde ba Isirayiri ne bajja gye ndi, ne batuula mu maaso gange.

2 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng'agamba nti,

3 "Omwana w'omuntu, abasajja bano batadde bakatonda abalala ku mitima gyabwe ne bateeka n'ebyesittaza mu maaso gaabwe. Mbakkirize banneebuuzeeko?

4 Noolwekyo yogera gye bali obategeeze nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Omuyisirayiri yenna bw'ateeka bakatonda abalala ku mutima gwe, n'ateeka n'ebyesittaza mu maaso ge, n'agenda eri nnabbi, nze kennyini, nze nnaamwanukulanga olwa bakatonda be abalala baayita abakulu.

5 Bwe ntyo bwe ndikola okwewangulira emitima gy'ennyumba ya Isirayiri, bonna abaanvaako okugoberera bakatonda abalala.'

6 " 'Noolwekyo tegeeza ennyumba ya Isirayiri nti, Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Mwenenye muleke bakatonda bammwe, mulekeyo ebikolwa byammwe eby'ekivve.

7 " 'Omuyisirayiri yenna oba omugenyi abeera mu Isirayiri bw'ananvangako, n'ateeka bakatonda abalala ku mutima gwe n'ateeka n'ebyesittaza mu maaso ge, ate n'agenda eri nnabbi okunneebuuzaako, nze MUKAMA nze nnaamwanukulanga.

8 Omuntu oyo nnaamulwanyisanga ne mufuula ekyokulabirako era eky'okunyumyako. Ndimusalako ku bantu be, mulyoke mumanye nga nze MUKAMA.

9 " 'Nnabbi bw'anaasendebwasendebwanga okuwa obubaka ng'ategeeza nti nze MUKAMA Katonda nsenzesenze nnabbi oyo, ndigolola omukono gwange ku ye ne muzikiriza okumuggya mu bantu bange Isirayiri.

10 Baliba bansingiddwa omusango, era nnabbi aliba asingiddwa omusango gwe gumu n'oyo azze okumwebuuzaako.

11 Olwo ennyumba ya Isirayiri tebaliddayo nate kubula newaakubadde okweyonoona n'ebibi byabwe byonna. Baliba bantu bange, nange ndiba Katonda waabwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

12 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira ng'agamba nti,

13 "Omwana w'omuntu, ensi bw'ekola ebibi mu maaso gange n'ebeera etali nneesigwa, ne ngolola omukono gwange gy'eri ne nsalako obugabirizi bw'emmere yaabwe, ne mbasindikira ekyeya, ne nzita abantu baamu n'ensolo zaabwe,

14 newaakubadde ng'abasajja bano abasatu Nuuwa, ne Danyeri, ne Yobu bandibadde bagirimu, bandiwonyeza bulamu bwabwe bwokka olw'obutuukirivu bwabwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.

15 "Oba newaakubadde nga nsindika ensolo enkambwe ez'omu nsiko mu nsi eyo, ne zigyonoona ne zigireka nga temuli mwana n'omu, n'efuuka matongo, ne wataba n'omu agiyitamu olw'ensolo ezo,

16 ddala nga bwe ndi omulamu, abasajja abo abasatu tebandiwonyezza
batabani baabwe wadde bawala baabwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
Bo bokka be bandiwonye, naye ensi yandifuuse matongo.
17 "Oba singa ndeeta ekitala ku nsi eyo ne njogera nti, 'Leka ekitala kiyite
mu nsi yonna,' ne nzita abantu baamu n'ensolo zaabwe,
18 nga bwe ndi omulamu, newaakubadde ng'abasajja bano abasatu
bandibadde bagirimu, tebandiwonyezza batabani baabwe wadde bawala
baabwe. Bandiwonyeza bulamu bwabwe bwokka olw'obutuukirivu
bwabwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
19 "Oba singa ndeeta kawumpuli mu nsi eyo, ne mbafukako ekiruyi
kyange, ne njiwa omusaayi mu nsi eyo, ne nzita abantu baamu n'ensolo
zaabwe,
20 nga bwe ndi omulamu, Nuuwa ne Danyeri ne Yobu ne bwe
bandigibaddemu, tebandiwonyezza mutabani waabwe newaakubadde
muwala waabwe. Bo bokka be nandiwonyezza olw'obutuukirivu bwabwe,
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
21 "Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Kiriba kitya
bwe ndiweereza ebibonerezo byange ebina: ekitala n'ekyeya n'ensolo
enkambwe ez'omu nsiko ne kawumpuli, ku Yerusaalemi, okutta abantu
baamu n'ensolo zaabwe!
22 Naye ate nga walibaawo abamu abaliwona, abaana aboobulenzi
n'aboobuwala abaliggibwamu. Balijja gy'oli, era bw'oliraba enneeyisa
yaabwe n'ebikolwa byabwe, olikkiriza akabi ke ndeese ku Yerusaalemi,
buli kabi ke mmuleeseeko.
23 Bw'oliraba enneeyisa yaabwe n'ebikolwa byabwe olikkiriza nga sirina
kye nkoze mu Yerusaalemi awatali nsonga, bw'ayogera MUKAMA Katonda."

# 15

*Yerusaalemi Omuzabbibu Ogutaliimu Nsa*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, omuti gw'omuzabbibu gusinga gutya ettabi
ery'omuti ku miti egy'omu kibira?
3 Guvaamu omuti ogukolebwamu ekintu kyonna eky'omugaso? Kiy-
inzika ogukolamu eŋŋango ey'okuwanikako ekintu kyonna?
4 Bwe gusuulibwa mu muliro okuba enku, omuliro ne gugwokya eruuyi
n'eruuyi, ne wakati ne wasiriira guba gukyaliko kye gugasa?
5 Bwe guba nga tegwali gwa mugaso nga mulamba, olwo guyinza
okubaako kye gugasa nga gwokebbwa mu muliro ne gusiriira?"
6 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, "Nga bwe njogedde ku muzabbibu
mu miti egy'omu kibira, gwe ntadde mu muliro okuba enku, bwe ntyo bwe
ndyokya abatuuze ba Yerusaalemi.
7 Ndikyusa amaaso gange ne mbatunuulira, era ne bwe balidduka,
omuliro gulibookya, era mulimanya nga nze MUKAMA Katonda.
8 Ndizisa ensi, kubanga tebabadde beesigwa, bw'ayogera MUKAMA
Katonda."

# 16

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu manyisa Yerusaalemi ebikolwa bye eby'ekivve,
3 oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda eri Yerusaalemi:
Wasibuka era n'ozaalibwa mu nsi ey'Abakanani; Kitaawo yali Mwamoli,
ne nnyoko nga Mukiiti.

4 Ku lunaku kwe wazaalirwa, tewasalibwa kkundi, so tewanaazibwa na mazzi kutukula, newaakubadde okusiigibwa omunnyo, newaakubadde okubikkibwa mu ngoye.

5 Tewali yakusaasira so tewali yakukwatirwa kisa kukukolera ebintu ebyo byonna, naye wasuulibwa ebweru ku ttale, kubanga wanyoomebwa okuva ku lunaku kwe wazaalirwa.

6 " 'Bwe nnali nga mpitaayita ne nkulaba ng'osambagala mu musaayi gwo, ne nkugamba nti, "Ba mulamu!"

7 Ne nkukuza ne nkulabirira ng'ekimuli mu nnimiro. N'okula n'owanvuwa n'olabika bulungi nnyo mu maaso ng'amayinja ag'omuwendo omungi; n'osuna amabeere, n'enviiri zo ne zikula, ggwe eyali obwereere nga tobikkiddwako.

8 " 'Oluvannyuma lwa bbanga, bwe nnali nga mpitaayita, ne nkulengera ne ndaba ng'okuze era ng'otuuse okufumbirwa, ne nkwaliirako ekirenge kyange ne mbikka ku bwereere bwo; ne nkulayirira ne nkola naawe endagaano, bw'ayogera Mukama Katonda, n'ofuuka wange.

9 " 'Ne nkunaaza n'amazzi, ne nkunaazaako omusaayi, ne nkusiigako amafuta.

10 Ne nkwambaza olugoye oluliko omudalizo, ne nkuwa n'engatto ez'amaliba; ne nkwambaza olugoye olwa linena ne nkubikkako engoye ez'omuwendo omungi.

11 Ne kunaanika amayinja ag'omuwendo omungi; ne nkuteeka ebikomo ku mukono, n'omukuufu mu bulago,

12 ne nkuteeka empeta mu nnyindo, n'eby'omu matu ku matu, ne nkutikkira n'engule ku mutwe.

13 Wayonjebwa ne zaabu n'effeeza, n'engoye zo zaali za linena, n'ebyambalo byo byali byamuwendo mungi era nga biriko omudalizo. Walyanga emmere ey'obutta obulungi, n'omubisi gw'enjuki n'omuzigo ogw'omuzeyituuni. Walungiwa nnyo n'otuuka ku mwaliiro ery'obwa kabaka omukazi.

14 Ettutumu lyo lyabuna mu mawanga olw'obulungi bwo, kubanga nakuwa ekitiibwa kyange, bw'ayogera Mukama Katonda.

15 " 'Naye weesiga obulungi bwo, n'okozesa ettutumu lyo okukola obwenzi, n'ofuka obukaba bwo ku buli eyayitangawo obulungi bwo ne bufuuka bubwe.

16 Waddira ebimu ku byambalo byo ne weekolera ebifo ebigulumivu nga byamabala mangi, gye wakoleranga obwenzi bwo. Ebintu bwe bityo tebikolebwa, era tebikolebwanga.

17 Ate era waddira emikuufu emirungi gye nnali nkuwadde, egyakolebwa mu zaabu n'effeeza bye nakuwa, ne weekolera bakatonda abalala abali mu bifaananyi eby'ekisajja, bw'otyo n'okola eby'obwenzi nabyo,

18 n'oddira ebyambalo byo ebiriko emidalizo n'obibikkako, n'oteeka omuzigo gwange n'obubaane bwange mu maaso gaabyo.

19 N'emmere gye nnali nkuwadde, obuwunga obw'obutta, n'omuzigo ogw'omuzeyituuni n'omubisi gw'enjuki bye nnali nkuwadde okulya, wabiwaayo okuba ebiweebwayo eby'evvumbe eddungi eri bbyo. Era bw'otyo bwe wakola, bw'ayogera Mukama Katonda.

20 " 'Waddira batabani bo ne bawala bo be wanzaalira, n'obawaayo ng'ebiweebwayo eby'emmere eri bakatonda abalala. Obwenzi bwe wakola bwali tebumala?

21 Watta abaana bange n'obawaayo ng'ebiweebwayo eri bakatonda abalala.
22 Mu bikolwa byo byonna eby'ekivve n'obwenzi bwo, tewajjukira biseera eby'obuvubuka bwo, bwe wali obwereeere nga toliiko bw'oli, era ng'osambagala mu musaayi gwo.

23 " 'Zikusanze! Zikusanze, bw'ayogera MUKAMA Katonda. Mu bikolwa byo ebibi byonna,
24 weezimbira ekifo ekigulumivu ne weekolera n'essabo mu buli kibangirizi ekigazi eky'ekibuga.
25 Buli luguudo we lusibuka, wazimbawo essabo lyo, n'okolerawo obwenzi, ng'owaayo omubiri gwo mu bukaba obungi eri buli eyayitangawo.
26 Weetaba mu bwenzi ne baliraanwa bo abakaba Abamisiri, n'oyongera ku bukaba bwo n'onsunguwaza.
27 Kyenava nkugololerako omukono gwange ne nkendeeza ku nsalo yo, ne nkuwaayo eri omululu gw'abalabe bo abawala b'Abafirisuuti, abeekanga olw'obukaba bwo.
28 Weetaba mu bikolwa eby'obwenzi n'Abasuuli, kubanga tewamalibwa, ate n'oluvannyuma lw'ekyo n'otamatira.
29 N'oluvannyuma n'oyongerayo ebikolwa byo eby'obukaba mu Bakaludaaya, ensi ey'ebyamaguzi, naye era n'otamalibwa.

30 " 'Omutima gwo nga munafu, n'okwewaayo ne weewaayo okukola ebintu ebyo byonna, ne weeyisa ng'omwenzi ow'amawaggali ateefiirayo.
31 Bwe wazimba ebifo byo ebigulumivu buli luguudo we lusibuka, n'oteeka amasabo go mu buli kibangirizi ekigazi, tewafaanana ng'omwenzi kubanga wanyoomanga empeera.

32 " 'Ggwe omukazi omwenzi eyeegomba abatambuze okusinga balo!
33 Buli mwenzi afuna empeera, naye ggwe owa baganzi bo bonna ebirabo, ng'obagulirira okujja gy'oli okuva buli wamu olw'obwenzi bwo.
34 Era mu bikolwa byo eby'obwenzi tofaanana ng'abalala; tewali akusindika kukola bwenzi. Oli wanjawulo okuva ku balala kubanga osasula empeera, naye ate nga tewali akusasula.

35 " 'Kale nno, wulira ekigambo kya MUKAMA ggwe omwenzi.
36 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Olw'obugagga bwo bwe walaga, n'oyanika obwereeere bwo wakati mu baganzi bo ng'okola ebikolwa eby'obwenzi, n'olwa bakatonda bo abalala ab'ekivve, n'okuwaayo omusaayi gw'abaana bo,
37 kyendiva nkuŋŋaanya baganzi bo bonna, be wasinza, bonna be wayagala ne be wakyawa, gy'oli ne bakwetooloola, ne nkufungulirira mu maaso gaabwe, balabe obwereeere bwo.
38 Ndikusalira omusango ne nkuwa ekibonerezo ng'eky'abakazi abenzi n'abo abayiwa omusaayi, ne nkuleetako omusaayi ogw'ekiruyi n'obuggya.
39 N'oluvannyuma ndikuwaayo mu mukono gw'abaganzi bo; balimenyaamenya ebifo byo ebigulumivu, ne bazikiriza amasabo go. Era balikwambula ebyambalo byo, ne batwala eby'omuwendo byo, ne bakuleka ng'oli bukunya.
40 Balisendasenda enkuyanja y'abantu, ne bakukuba amayinja, ne bakutemaatema obufiififi n'ebitala byabwe.
41 Balyokya amayumba go ne bakubonereza mu maaso g'abakyala abangi, era ndikulesaayo ebikolwa byo eby'obwenzi so tolisasula baganzi bo mpeera.

42 N'oluvannyuma obusungu bwange bulikendeera, n'obuggya bwange
bulikuvaako, era ndiba mukkakkamu, nga sirina busungu.

43 " 'Kubanga tojjukira biseera eby'obuvubuka bwo, n'onnyiiza n'ebintu
ebyo byonna; kyendiva nkuleetako omusango olw'ebikolwa byo,
bw'ayogera MUKAMA Katonda. Ku bukaba obwo bwonna si kwe way-
ongera ebikolwa ebyo byonna eby'ekivve?

44 " 'Buli agera engero anaakugereranga olugero luno nga boogera nti,
"Nnyina ne muwala we batyo."
45 Oli muwala wa nnyoko ddala, eyanyooma bba n'abaana be, era oli
mwannyina ddala owa baganda bo abanyooma ba bbaabwe n'abaana
baabwe. Nnyoko yali Mukiiti, kitaawo nga Mwamoli.
46 Mukulu wo yali Samaliya eyabeeranga ne bawala be ku luuyi lwo
olw'Obukiikakkono, ne muto wo ne bawala be nga babeera ku luuyi lwo
olw'Obukiikaddyo, era nga ye Sodomu.
47 Tewakoma ku kugoberera ngeri zaabwe kyokka, n'okukoppa ebikolwa
byabwe eby'ekivve, naye waayitawo ebbanga ttono engeri zo zonna ne
zisukka ku zaabwe obubi.
48 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda, muganda
wo Sodomu ne bawala be tebaatuuka ku ssa, ggwe ne bawala bo kwe
mwatuuka.
49 " 'Guno gwe musango muganda wo Sodomu gwe yazza: ye ne bawala
be baali baamalala, nga baamululu abatafaayo, wadde okuyamba abaavu
abaali mu bwetaavu.
50 Baali baamalala, era baakola ebikolwa eby'ekivve mu maaso gange,
kyennava mbaggyawo nga bwe nasiima.
51 So ne Samaliya teyatuuka awo; wakola ebikolwa eby'ekivve okusinga
ne bwe baakola, era n'oleetera baganda bo okulabika ng'abatuukirivu mu
ebyo byonna by'okola.
52 Kaakano naawe k'ojjule ensonyi, kubanga owolereza baganda bo, ate
n'ebibi bye wakola biswaza okusinga ebyabwe, kyebaliva balabika nga
batuukirivu okukusinga. Kyonoova oswala, ne weetikka obuswavu bwo,
kubanga oleetedde baganda bo okulabika ng'abatuukirivu.

53 " 'Wabula ndizzaawo obugagga bwa Sodomu ne bawala be, n'obwa
Samaliya ne bawala be, ate ne nzizaawo n'obubwo,
54 olyoke weetikke obuswavu bwo, oswale mu maaso gaabwe olw'ebyo
byonna bye wakola ng'obawooyawooya.
55 Baganda bo, Sodomu wamu ne bawala be, ne Samaliya wamu ne
bawala be baliddayo nga bwe baali edda, ate naawe oliddayo n'obeera
nga bwe wali edda.
56 Lwaki muganda wo Sodomu teyayogerwako ku lunaku olw'amalala
go,
57 okwonoona kwo nga tekunnabikkulwa? Kaakano ofuuse kyakusek-
ererwa eri abawala ab'e Busuuli ne baliraanwa be bonna, n'eri abawala
aba Bufirisuuti, abo bonna abakwetoolodde abakunyooma.
58 Olibonerezebwa olw'obukaba bwo n'ebikolwa byo eby'ekivve,
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

59 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Ndikukola nga bwe
kikusaanira, kubanga wanyooma ekirayiro kyange, bwe wamenya enda-
gaano.
60 Naye ndijjukira endagaano gye nakola naawe mu biseera
eby'obuvubuka bwo, era ndissaawo endagaano ey'emirembe n'emirembe.

61 Olwo olijjukira engeri zo, n'oswala bw'olitwala baganda bo abakusinga obukulu ne bato bo, ne mbankuwa babeere bawala bo, naye si lwa ndagaano yange naawe.

62 Ndinyweza endagaano yange naawe, era olimanya nga nze MUKAMA Katonda,

63 n'oluvannyuma olw'okutangiririrwa, olijjukira ne wejjusa n'otaddayo kwasamya nate kamwa ko, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

# 17

### *Empungu Ebbiri n'Omuzabbibu*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,

2 "Omwana w'omuntu, gerera ennyumba ya Isirayiri olugero;

3 obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Waaliwo empungu ennene eyalina ebiwaawaatiro ebinene, ng'erina ebyoya bingi, nga by'amabala agatali gamu, eyajja mu Lebanooni.

4 N'eddira obusongenzo bw'omuvule n'emenyako amasanso gaagwo agasooka waggulu amato, n'egwetikka n'egutwala mu nsi ey'abasuubuzi n'egusimba mu kibuga ky'abatunda ebyamaguzi.'

5 " 'N'etwala emu ku nsigo ez'ensi eyo, n'egisimba mu ttaka eggimu; n'egisimba okumpi n'amazzi amangi, n'emera n'eba ng'omusafusafu,

6 n'ebala n'efuuka omuzabbibu, ne gulanda wansi; amatabi gaagwo ne gakula nga gadda ewaayo, naye emirandira gyagwo ne gisigala wansi waagwo. Ne gufuuka omuzabbibu ne guleeta amatabi n'ebikoola byagwo.'

7 " 'Naye ne wabaawo empungu endala ennene eyalina ebiwaawaatiro ebinene, n'ebyoya ebingi. Omuzabbibu ne gukuza emirandira gyagwo eri empungu eyo okuva mu kifo we gwasimbibwa, ate ne gwanjuluza n'amatabi gaagwo gy'eri egifukirire.

8 Gwali gusimbiddwa mu ttaka eddungi awali amazzi amangi, guleete amatabi era gubale ebibala gubeere omuzabbibu ogwegombesa.'

9 "Bategeeze nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Gulibeerera? Tegulisigulwa n'amatabi gaakwo ne gatemebwa ne gukala? Tekiryetagisa omukono ogw'amaanyi oba abantu abangi okugusigulayo.

10 Ne bwe baligusimbuliza, gulirama? Tegulikalira ddala embuyaga ez'Ebuvanjuba bwe zirigufuuwa, ne gukalira mu kifo we gwakulira?' "

11 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,

12 "Gamba ennyumba enjeemu eyo nti, 'Temumanyi bintu ebyo kye bitegeeza?' Bategeeze nti, 'Kabaka w'e Babulooni yagenda e Yerusaalemi, n'awamba kabaka waayo n'abakungu be n'abatwala e Babulooni.

13 N'oluvannyuma n'addira omu ku balangira n'akola naye endagaano, ng'amulayiza. Yatwala n'abasajja abalwanyi abazira ab'omu nsi,

14 obwakabaka bukkakkane buleme kwegulumiza, era nga mu kukwata endagaano ye mwe balinywerera.

15 Naye kabaka yamujeemera, n'aweereza ababaka e Misiri okufunayo embalaasi n'eggye eddene. Aliraba omukisa? Omuntu akola ebyo ayinza okuba omulamu? Alimenya endagaano n'awona?'

16 " 'Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda, alifiira mu Babulooni, mu nsi eya kabaka eyamufuula kabaka, gwe yanyooma mu kirayiro kye n'amenya n'endagaano gye baakola.

17 Falaawo n'eggye lye eddene, n'ekibiina kye ekinene, tebalibaako kye bamuyamba mu lutalo, bwe balizimba ebifunvu n'ebisenge okuzikiriza obulamu bw'abangi.

18 Olw'okunyooma ekirayiro kye, n'amenya endagaano, n'akola ebintu
ebyo byonna ate nga yeewaayo, kyaliva tawona.
19 " 'MUKAMA Katonda kyava ayogera bw'ati nti, Nga bwe ndi omulamu,
ndireeta ku mutwe gwe ekirayiro kye yanyooma, n'endagaano yange gye
yamenya.
20 Ndimutegera akatimba kange, n'agwa mu mutego gwange, era
ndimuleeta e Babulooni ne musalira omusango olw'obutali bwesigwa bwe
gye ndi.
21 Abaserikale be bonna abaliba badduka, balifa ekitala, n'abaliwonawo
balisaasaanyizibwa empewo; olwo olitegeera nga nze MUKAMA, nze
nkyogedde.
22 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nze kennyini ndiddira
ettabi okuva ku busongezo bw'omuvule ne ndisimba; era ndimenya
amasanso okuva ku matabi gaagwo amato ne ndisimba ku lusozi
oluwanvu olugulumivu.
23 Ku ntikko ey'olusozi lwa Isirayiri kwe ndirisimba era lirireeta amatabi
ne libala ebibala, ne gaba omuvule ogwegombesa. Ennyonyi eza buli kika
ziriwummulira ku gwo, era zirifuna we zituula mu bisiikirize eby'amatabi
gaagwo.
24 Era emiti gyonna egy'omu ttale giritegeera nga nze MUKAMA ayimpaya
omuti omuwanvu, ate ne mpanvuya omuti omumpi. Nkaza omuti
ogwakamera, ne mmerusa n'omuti ogubadde gukaze.
" 'Nze MUKAMA Katonda nze nkyogedde, era ndikikola.' "

# 18

*Omwoyo Ogwonoona gwe Gulifa*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
2 "Mutegeeza ki bwe mugerera olugero luno ensi ya Isirayiri nti,
" 'Bakitaabwe balidde ezabbibu ezikaawa,
n'amannyo g'abaana ganyenyeera'?
3 "Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda, temuliddayo
kugera lugero olwo mu Isirayiri.
4 Buli kiramu, kyange; obulamu bw'omuzadde n'obw'omwana bwonna
nabwo bwange.
5 "Emmeeme eyonoona ye erifa,
omuntu bw'abeera omutuukirivu n'akola ebyalagirwa era ebituufu;
6 nga talya mu masabo agali ku nsozi
newaakubadde okusinza bakatonda abalala ab'ennyumba ya Isirayiri;
n'atayenda ne mukazi wa muliraanwa we,
newaakubadde okwebaka n'omukazi ali mu biseera bye eby'abakyala;
7 omuntu atalyazaamaanya muntu yenna,
naye asasula ebbanja lye lyonna,
atanyaga muntu yenna,
naye emmere ye agigabira abayala,
n'ayambaza n'abali obwereere;
8 atawola lwa magoba
newaakubadde okutwala ensimbi ezisukkamu mu ezo ze yawola.
Yeewala okukola ekibi,
era asala emisango egy'ensonga.
9 Agoberera ebiragiro byange,
n'akuuma amateeka gange n'obwesigwa,
oyo ye muntu omutuukirivu

era aliba mulamu,”
bw’ayogera MUKAMA Katonda.
10 “Bw’aba n’omwana omulalu, ayiwa omusaayi, oba akola ebifaanana
ng’ebyo,
11 newaakubadde nga kitaawe ebyo tabikola:
“N’alya mu masabo agali ku nsozi,
n’ayenda ku mukazi wa muliraanwa we,
12 n’anyigiriza omwavu n’omunaku,
n’okubba n’abba,
n’atasasula kye yeeyama,
n’asinza bakatonda abalala,
n’akola eby’ekivve,
13 n’awola ng’asuubira amagoba, oba n’okutwala ensimbi ezisukka mu ezo
ze yawola;
omuntu ng’oyo aliba mulamu? Taliba mulamu. Kubanga akoze ebintu
ebyo byonna eby’ekivve, kyaliva attibwa, n’omusaayi gwe guliba ku
mutwe gwe ye.
14 “Naye bw’aba n’omuzzukulu, alaba ebibi byonna kitaawe by’akola,
n’atakola bya ngeri eyo;
15 “N’atalya mu masabo agali ku nsozi
newaakubadde okusinza bakatonda abalala ab’ennyumba ya Isirayiri,
n’atayenda na mukazi wa muliraanwa we,
16 atanyigiriza muntu yenna
newaakubadde okusaba amagoba ku bbanja lye yawola,
atabba, naye agabira emmere abayala
n’abali obwereere
n’abambaza.
17 Yeekuuma obutakola kibi,
n’atalya magoba ku bbanja newaakubadde okutwala ensimbi
ezisukiridde,
era akuuma amateeka gange n’agoberera n’ebiragiro byange.
Talifa olw’ebibi bya kitaawe, naye aliba mulamu.
18 Naye kitaawe alifa olw’ebibi bye ye kubanga yalyazaamanya, n’anyaga
muliraanwa we, n’akola ebitaali birungi mu bantu banne.
19 “Mubuuza nti, ‘Lwaki omwana tabonaabona olw’ebibi bya kitaawe?’
Omwana bw’aba akoze eby’ensonga era ebituufu, ng’agoberedde ebira-
giro byange, aliba mulamu.
20 Emmeeme eyonoona ye erifa. Omwana talibonaabona olw’ebibi bya
kitaawe, so ne kitaawe talibonaabona olw’ebibi eby’omwana we. Obu-
tuukirivu bw’omuntu omutuukirivu bulibalirwa ye, n’obutali butuukirivu
bw’oyo atali mutuukirivu bulibalirwa ye.
21 “Naye omuntu atali mutuukirivu bw’alikyuka n’alekeraawo okukola
ebibi byonna, n’akuuma ebiragiro byange byonna n’akola eby’ensonga era
ebituufu, aliba mulamu, talifa.
22 Tewaliba kyonoono na kimu ku ebyo bye baakola ebirijjukirwa, naye
olw’eby’obutuukirivu bye baliba bakoze, baliba balamu.
23 Mulowooza nga nsanyukira okufa kw’atali mutuukirivu? Bw’ayogera
MUKAMA. Sisinga kusanyuka nnyo bwe ndaba ng’akyuse okuva mu ngeri
ze n’aba omulamu?
24 “Naye omuntu omutuukirivu bw’alekeraawo okukola
eby’obutuukirivu, n’akola eby’ekivve bye bimu n’eby’omuntu atali
mutuukirivu, aliba mulamu? Tewaliba ne kimu ku ebyo eby’obutuukirivu

bye yakola, ebirijjukirwa: Olw'obutaba mwesigwa aliba n'omusango, era n'olw'ebibi bye yakola, alifa.

25 "Mugamba nti, 'Mukama si mwenkanya.' Kaakano muwulire mwe ennyumba ya Isirayiri, enkola yange y'etali ya bwenkanya oba mmwe mutali benkanya?

26 Omuntu omutuukirivu bw'aleka okukola ebikolwa bye eby'obutuukirivu n'akola ebibi, mw'alifiira, kubanga ebibi by'akoze bye birimuleetera okufa.

27 Naye bw'alikyuka okuva mu butali butuukirivu bwe bw'akoze, n'akola eby'ensonga era ebituufu, alirokola obulamu bwe.

28 Era bw'alirowooza ku bibi byonna by'akoze, n'akyuka n'alekeraawo okubikola, mazima ddala aliba mulamu, talifa.

29 Naye oluvannyuma ennyumba ya Isirayiri ne mwogera nti, 'Ekkubo lya Mukama si lya bwenkanya.' Mmwe ennyumba ya Isirayiri, engeri zange ze zitali za bwenkanya? Engeri zammwe si ze zitali za bwenkanya?

30 "Kyendiva mbasalira omusango, mmwe ennyumba ya Isirayiri, buli muntu ng'ebikolwa byammwe bwe biri, bw'ayogera MUKAMA. Mwenenye, muleke ebikolwa ebitali bya butuukirivu, oba nga ssi weewaawo ebibi byammwe biribaleetera okuzikirira.

31 Mweggyeeko ebikolwa byonna ebitali bya butuukirivu, bye mukoze, mufune omutima omuggya n'omwoyo omuggya. Kiki ekibaleetera okufa, mmwe ennyumba ya Isirayiri?

32 Sisanyukira kufa kwa muntu yenna, bw'ayogera MUKAMA Katonda. Mwenenye mube balamu."

# 19

*Okukungubagira Abalangira ba Isirayiri*

1 Kungubagira abalangira ba Isirayiri,

2 oyogere nti,
" 'Maama wo nga yali mpologoma nkazi,
mu mpologoma!
Yagalamiranga wakati mu mpologoma ento,
n'erabirira abaana baayo.
3 N'ekuza emu ku baana baayo
n'efuuka empologoma ey'amaanyi,
n'eyiga okuyigga ebisolo,
n'okulya abantu.
4 Amawanga gaawulira ebimufaako,
n'akwatirwa mu kinnya kye yali asimye,
ne bamusibamu amalobo
ne bamuleeta mu nsi y'e Misiri.

5 " 'Awo bwe yalaba essuubi lye nga terituukiridde,
ne bye yali alindirira nga biyise,
n'eddira emu ku baana baayo ab'empologoma endala,
n'egifuula empologoma ey'amaanyi.
6 N'etambulatambula mu mpologoma,
kubanga yali efuuse empologoma ey'amaanyi,
era n'eyiga okuyigga ensolo,
n'okulya abantu.
7 N'emenyaamenya ebifo byabwe eby'amaanyi,

n'ezikiriza n'ebibuga byabwe;
ensi n'abo bonna abaagibeerangamu,
ne batya olw'okuwuluguma kwayo.
8 Awo amawanga gonna ne gagirumba,
okuva mu bitundu ebyali byetooloddewo,
ne bayanjuluza ekitimba kyabwe,
ne bagikwatira mu kinnya kyabwe.
9 Ne bakozesa amalobo okugisikayo,
ne bagiteeka mu kayumba ak'ebyuma,
ne bagitwala eri kabaka w'e Babulooni;
n'eteekebwa mu kkomera,
n'etaddayo kuwulikika nate ku nsozi za Isirayiri.

10 " 'Maama wo yali ng'omuzabbibu mu nnimiro
ogwasimbibwa okumpi n'amazzi;
ne gubala ebibala ne bijjula amatabi,
kubanga waaliwo amazzi mangi.
11 Amatabi gaagwo gaali magumu,
era nga gasaanira okukolebwamu omuggo gw'obwakabaka.
Omuzabbibu ogwo gwali muwanvu ne guyitamu
okusinga emiti emirala,
ne gumanyibwa olw'obuwanvu bwagwo,
n'olw'amatabi gaagwo amangi.
12 Naye gwasigulibwa n'ekiruyi
ne gusuulibwa wansi;
embuyaga ez'Ebuvanjuba ne zigukaza,
ebibala byagwo ne biggwaako,
n'amatabi gaakwo amagumu ne gakala,
era ne gwokebwa omuliro.
13 Kaakano gusimbiddwa mu ddungu,
awakalu awatali mazzi.
14 Omuliro gwava ku limu ku matabi,
ne gwokya amatabi gaagwo n'ebibala byagwo.
Tewasigadde ttabi ggumu na limu ku gwo
eriyinza okukolwamu omuggo ogw'obwakabaka.'
Kuno kukungubaga, era kukozesebwa ng'okukungubaga."

# 20

*Isirayiri Omujeemu*

1 Awo mu mwaka ogw'omusanvu, mu mwezi ogwokutaano ku lunaku
olw'ekkumi, abamu ku bakadde ba Isirayiri ne bajja okwebuuza ku
MUKAMA Katonda, ne batuula wansi mu maaso gange.
2 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira, mbategeeze nti,
3 "Omwana w'omuntu, yogera eri abakadde ba Isirayiri obagambe
nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti: Muzze kunneebuuzaako?
Mazima nga bwe ndi omulamu temujja kunneebuuzaako, bw'ayogera
MUKAMA Katonda.'
4 "Olibasalira omusango? Olibasalira omusango ggwe omwana
w'omuntu? Kale bategeeze ebikolwa eby'ekivve bajjajjaabwe bye baakola,
5 era bategeeze nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti: ku lunaku
lwe, neroboza Isirayiri, nalayirira bazzukulu b'ennyumba ya Yakobo, ne
mbeeyabiza mu Misiri nga njogera nti, "Nze MUKAMA Katonda wammwe."

6 Ku lunaku olwo nabalayirira nti ndibaggya mu nsi y'e Misiri ne mbatwala mu nsi gye nabanoonyeza, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, ensi esinga mu nsi zonna obulungi.

7 Ne mbagamba nti, "Buli muntu aggyewo ebintu eby'omuzizo mu maaso ge, muleme okweyonoonyesa ne bakatonda abalala ab'e Misiri, kubanga nze Mukama Katonda wammwe."

8 " 'Naye ne banjeemera, ne bagaana okumpuliriza; tebaggyawo bintu eby'omuzizo mu maaso gaabwe, newaakubadde okuleka bakatonda abalala ab'e Misiri. Kyenava njogera nti ndibabonerereza mu Misiri.

9 Naye olw'obutavumisa linnya lyange mu maaso g'amawanga mwe baabeeranga, ne mu maaso gaabo be neeyabiza eri Abayisirayiri nga mbaggya mu Misiri, nakola bwe nti olw'erinnya lyange.

10 Kyenava mbaggya mu Misiri ne mbatwala mu ddungu.

11 Nabawa ebiragiro byange ne mbamanyisa n'amateeka gange, omuntu yenna bw'abigoberera abeere mulamu.

12 Ne mbawa ne Ssabbiiti zange ng'akabonero wakati wange nabo, bategeere nga nze Mukama abatukuza.

13 " 'Naye era abantu ba Isirayiri ne banjeemera mu ddungu, ne batagoberera biragiro byange, ne banyooma amateeka gange, ebyandiyinzizza okulokola omuntu abigondera, ne Ssabbiiti zange ne batazitukuza. Kyenava njogera nti ndibasunguwalira ne mbazikiririza mu ddungu.

14 Naye olw'erinnya lyange nakola ekyo obutavumisibwa obuteeswaza mu maaso g'amawanga mwe nabaggya.

15 Era ne mbalayirira mu ddungu nga bwe siribaleeta mu nsi gye nnali mbawadde, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, ensi esinga endala zonna obulungi,

16 kubanga baajeemera amateeka gange ne batagoberera biragiro byange, ne batatukuza Ssabbiiti zange, kubanga emitima gyabwe gyasinzanga bakatonda abalala.

17 Naye wakati mu ebyo byonna ne mbasaasira ne sibazikiriza, newaakubadde okubasaanyaawo mu ddungu.

18 Ne ŋŋamba abaana baabwe mu ddungu nti, "Temugoberera biragiro bya bakitammwe, newaakubadde okukwata amateeka gaabwe, so temweyonoonyesanga ne bakatonda baabwe abalala.

19 Nze Mukama Katonda wammwe, mugoberere ebiragiro byange era mwegendereze okukwata amateeka gange,

20 n'okutukuza Ssabbiiti zange, era ebyo binaabanga kabonero wakati wange nammwe, olwo mulimanya nga nze Mukama Katonda wammwe."

21 " 'Naye abaana banjeemera; tebaagoberera biragiro byange newaakubadde okukwata amateeka gange, ebyandiyinzizza okulokola omuntu abigondera, ne Ssabbiiti zange ne batazitukuza. Kyenava njogera nti ndibasunguwalira mu ddungu.

22 Naye neekuuma olw'erinnya lyange obutaliswaza mu maaso g'amawanga mwe nnali mbaggye.

23 Era ne mbalayirira mu ddungu nti ndibasaasaanya mu mawanga, ne mbabunya mu nsi,

24 kubanga tebaagoberera mateeka gange era ne bajeemera n'ebiragiro byange, era ne batatukuza Ssabbiiti zange, naye amaaso gaabwe ne gayaayaanira bakatonda abalala aba bajjajjaabwe.

25 Kyennava mbawaayo eri ebiragiro ebitali birungi n'amateeka ebitayinza kubabeezesaawo mu bulamu;

26 ne mbaswaza nga nkozesa ebirabo byabwe, bwe baleeta omuggulanda
waabwe ng’ekiweebwayo, balyoke bajjule entiisa, era bamanye nga nze
MUKAMA.’
27 “Kale omwana w’omuntu, yogera eri abantu ba Isirayiri obagambe nti,
‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti: mu kino nakyo bajjajjammwe
mwe banvumira ne banzivoola.
28 Bwe nabaleeta mu nsi gye nabalayirira ne balaba buli lusozi oluwanvu
na buli muti ogwamera yo, ne baweerangayo ssaddaaka zaabwe, ne
baweerangayo ebiweebwayo ebyannyiiza, ne banyookerezanga obubaane
bwabwe, era ne baweerangayo n’ebiweebwayo ebyokunywa.
29 Kyenava mbabuuza nti, Ekifo ekyo ekigulumivu gye mugenda kya
mugaso ki?’ ”

### *Okusala Omusango n’Okuzzibwa Obuggya*

30 “Noolwekyo gamba ennyumba ya Isirayiri nti, ‘Bw’ati bw’ayogera
MUKAMA Katonda nti, Mulyeyonoona nga bajjajjammwe bwe baakola ne
mugoberera ebintu eby’ekivve?
31 Bwe muwaayo ebirabo, ne muwaayo n’abaana bammwe mu muliro
ng’ebiweebwayo, mweyongera okweyonoona ne bakatonda bammwe
abalala bonna. Nnyinza okubakkiriza okunneebuuzaako mmwe en-
nyumba ya Isirayiri? Nga bwe ndi omulamu temujja kunneebuuzaako,
bw’ayogera MUKAMA Katonda.
32 “ ‘Mwogera nti, “Twagala okuba ng’amawanga amalala, ng’abantu
ab’ensi endala, abaweereza embaawo n’amayinja,” naye ebyo bye mu-
lowooza tebiribaawo n’akatono.
33 Nga bwe ndi omulamu, bw’ayogera MUKAMA Katonda, ndibafuga
n’omukono ogw’amaanyi, era ndigolola omukono gwange n’obusungu
bungi.
34 Ndibaggya mu mawanga n’omukono ogw’amaanyi omugolole, nga
nzijudde obusungu, ne mbakuŋŋaanya okuva mu nsi gye mwasaasaanira.
35 Ndibaleeta mu ddungu ery’amawanga, era eyo gye ndibasalira
omusango nga tutunuuliganye amaaso n’amaaso.
36 Nga bwe nasalira bajjajjammwe omusango mu ddungu ery’ensi
ya Misiri, bwe ntyo bwe ndibasalira omusango, bw’ayogera MUKAMA
Katonda.
37 Ndibeetegereza nga muyita wansi w’omuggo gwange ne mbassaako
envumbo y’endagaano yange.
38 Ndibamaliramu ddala mu mmwe abajeemu era abansobya. Era
newaakubadde nga ndibaggya mu nsi gye balimu, tebaliyingira mu nsi
ya Isirayiri, mulyoke mumanye nga nze MUKAMA.
39 “ ‘Ate ggwe ennyumba ya Isirayiri, bw’ati bw’ayogera MUKAMA
Katonda nti, Mugende muweereze bakatonda bammwe abalala, mugende,
naye oluvannyuma mulimpuliriza, ne mulekayo n’okuvumisa erinnya
lyange ettukuvu n’ebirabo byammwe era ne bakatonda bammwe abalala.
40 Ku lusozi lwange olutukuvu, olusozi oluwanvu olwa Isirayiri mu nsi
eyo, ennyumba ya Isirayiri yonna balimpeereza, nange ndibasembeza.
Era eyo gye ndibasabira ebiweebwayo byammwe, n’ebibala ebibereberye
eby’ebirabo byammwe, wamu ne ssaddaaka zammwe ezitukuzibbwa.
41 Bwe ndibaggya mu mawanga ne mbakuŋŋaanya okuva mu nsi
gye mwasaasaanira, ndibakkiriza nga bwenzikiriza akaloosa ak’evvumbe
eddungi, era ndibalaga obutukuvu bwange mu maaso g’amawanga.
42 Mulimanya nga nze MUKAMA, bwe ndibaleeta mu nsi ya Isirayiri ensi
gye nalayirira bajjajjammwe n’omukono ogugoloddwa.

43 Era eyo gye mulijjuukirira enneeyisa yammwe n'ebikolwa byammwe
byonna bye mweyonoonyesa, era mulyetukuza olw'ebibi byonna bye
mwakola.
44 Mulimanya nga nze MUKAMA, bwe ndibakola ng'erinnya lyange
bwe liri so si ng'ebibi byammwe bwe biri, n'ebikolwa byammwe
eby'obukumpanya bwe biri, mmwe ennyumba ya Isirayiri, bw'ayogera
MUKAMA Katonda.' "

### *Obubaka eri Obukiikaddyo*

45 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nti,
46 "Omwana w'omuntu, simba amaaso go mu bukiikaddyo, obabuulire
era owe obunnabbi gye bali n'eri ekibira eky'ensi ey'Obukiikaddyo.
47 Yogera eri ekibira eky'omu bukiikaddyo nti, 'Wulira ekigambo kya
MUKAMA. Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nnaatera okukuku-
mako omuliro, era gulizikiriza emiti gyonna, omubisi n'omukalu. Ennimi
ez'omuliro tezirizikizibwa, na buli ludda okuva mu bukiikaddyo okutuuka
mu bukiikakkono bulyokebwa.
48 Buli muntu aliraba nga nze MUKAMA abyokezza, era tegulizikizibwa.' "
49 Awo ne njogera nti, "Ayi MUKAMA Katonda, banjogerako nti, 'Oyo
tanyumya ngero bugero.' "

## 21

### *Katonda Akozesa Babulooni ng'Ekitala kye*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu tunuulira Yerusaalemi oyogere ku bifo ebitukuvu.
Wa ekigambo ky'obunnabbi eri ensi ya Isirayiri,
3 oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, nnina oluyombo
naawe, era ndisowola ekitala kyange okuva mu kiraato kyakyo ne
nzikiriza abatuukirivu n'abatali batuukirivu abali mu ggwe.
4 Kubanga ndiba nzikiriza abatuukirivu n'abatali batuukirivu, kyendiva
nnema okuzza ekitala kyange mu kiraato kyakyo, ne ntabaala buli muntu
nakyo okuva Obukiikaddyo okutuuka Obukiikakkono.
5 Awo abantu bonna balimanya nga nze MUKAMA nsowodde ekitala
kyange okuva mu kiraato kyakyo, era tekiriddayo mu kiraato kyakyo nate.'
6 "Omwana w'omuntu, kyonoova okaabira mu maaso gaabwe
ng'omutima gwo gujjudde ennaku n'obuyinike.
7 Bwe balikubuuza nti, 'Okaabira ki?' Oliddamu nti, 'Olw'amawulire
ge nfunye, kubanga ebyo bwe birijja, buli mutima gulisaanuuka, na
buli mukono ne gulemala, n'emyoyo ne gizirika, n'amaviivi gonna ne
ganafuwa ne gafuuka ng'amazzi.' Bijja era birituukirira, bw'ayogera
MUKAMA Katonda."
8 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
9 "Omwana w'omuntu, wa obunnabbi oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera
Mukama nti,
" 'Ekitala, ekitala, kiwagaddwa
era kiziguddwa,
10 kiwagaddwa okutta, kiziguddwa, era kimasamasa ng'okumyansa
kw'eggulu!
Tulisanyukira obuyinza bw'omwana wange Yuda?
" 'Ekitala kinyooma buli muggo.
11 " 'Ekitala kiweereddwayo okuzigulwa
kiryoke kinywezebwe mu mukono;

kiwagaddwa era kiziguddwa,
kiryoke kiweebwe omussi.

12 Kaaba era wowoggana, omwana w'omuntu,
kubanga ekyo nkikola bantu bange,
era nkikola abalangira bonna aba Isirayiri.
Mbawaddeyo eri ekitala wamu n'abantu bange,
noolwekyo weekube mu kifuba.

13 " 'Okugezesebwa kuteekwa okujja. Kiba kitya ng'omuggo gw'obufuzi
bwa Yuda ekitala gwe kinyooma, tegulabika nate? bw'ayogera MUKAMA
Katonda.'

14 "Kyonoova owa obunnabbi, omwana w'omuntu,
n'okuba ne mu ngalo.
Leka ekitala kisale emirundi ebiri
oba emirundi esatu.
Kitala kya kutta,
okutta okunene,
nga kibataayiza enjuuyi zonna,

15 era n'emitima gyabwe girisaanuuka,
n'abattiddwa baliba bangi.
Ntadde ekitala ekitta
ku miryango gyabwe gyonna.
Kiwagaddwa era kimyansa ng'okumyansa kw'eggulu
era kinywezebbwa olw'okutta.

16 Ggwe ekitala genda osale
ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono,
ne yonna obwogi bwo gye bunaakyukira.

17 Nange ndikuba mu ngalo,
n'ekiruyi kyange kirikkakkana.
Nze MUKAMA njogedde."

18 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nate, n'aŋŋamba nti,

19 "Omwana w'omuntu, teekawo amakubo abiri ekitala kya kabaka w'e
Babulooni we kinaayita, gombi nga gava mu nsi emu. Oteeke ekipande,
awo ekkubo we lyawukanira okudda mu kibuga.

20 Okole ekkubo erimu ekitala mwe kinaayita okulumba Labba
eky'abaana ba Amoni, n'eddala okulumba Yuda ne Yerusaalemi ekibuga
ekiriko enkomera.

21 Kabaka w'e Babulooni aliyimirira mu kifo mu masaŋŋanzira,
amakubo we gaawukanira, okutegeezebwa ebigambo bya MUKAMA; al-
isuula obusaale okukuba akalulu, ne yeebuuza ku bakatonda be, era
alikebera n'ekibumba.

22 Mu mukono gwe ogwa ddyo mwe mulibeera akalulu ka Yerusaalemi,
gy'aliteeka ebitomera wankaaki, era gy'aliyimusiza eddoboozi eririragira
okutta kutandike, era gy'aliyimusiza eddoboozi eririrangirira olutalo,
era gy'aliteeka ebitomera emiryango, n'okuzimba ebitindiro n'ebigo
ebikozesebwa okutaayiza.

23 Kulirabika ng'obunnabbi obw'obulimba eri abo aba mulayirira, naye
alibajjukiza omusango gwabwe n'abatwala nga bawambe.

24 "MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, 'Olw'okunzijjukiza omu-
sango gwammwe, olw'obujeemu bwammwe obw'olwatu, ekiggyayo ebibi
byammwe mu byonna bye mwakola, era olw'okukola ebyo, kyemuliva
mutwalibwa mu buwambe.

25 “ ‘Ggwe omulangira wa Isirayiri omwonoonefu, omukozi w’ebibi, olu-
naku gwe lutuukidde, ekiseera eky’okubonerezebwa kwo, bwe kituukidde
ku ntikko esemberayo ddala,
26 bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, Ggyako ekitambala ku
mutwe, oggyeko n’engule, kubanga ebintu tebikyali nga bwe byali.
Abakkakkamu baligulumizibwa, n’abeegulumiza balikkakkanyizibwa.
27 Matongo, matongo, ndikifuula matongo, era tekirizzibwa buggya
okutuusa nnyinikyo lw’alijja, era oyo gwe ndikiwa.’
28 “Kaakano ggwe omwana w’omuntu, wa obunnabbi, oyogere nti,
‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda ku baana ba Amoni n’obujoozi
bwabwe:
“ ‘Ekitala, ekitala,
kisowoddwa okutta,
Kiziguddwa okusaanyaawo
era kimyansa ng’okumyansa kw’eggulu.
29 Newaakubadde nga baakubuulira ebirooto eby’obulimba,
ne bakuwa obunnabbi obw’obulimba,
ekitala kiriteekebwa ku bulago
bw’abakozi b’ebibi abookuttibwa,
olunaku be lutuukidde n’ekiseera eky’okubonerezebwa kwabwe
be kituukidde ku ntikko esemberayo ddala.

30 “ ‘Ekitala kizze
mu kiraato kyakyo.
Mu kifo mwe watondebwa, mu nsi ey’obujjajja,
eyo gye ndikusalirira omusango.
31 Ndikufukako ekiruyi kyange,
ne nkufuuwako omuliro ogw’obusungu bwange,
ne nkuwaayo mu mikono gy’abasajja abakambwe abali ng’ensolo,
abaatendekebwa mu byo kuzikiriza.
32 Oliba nku za muliro,
n’omusaayi gwo guliyiyibwa mu nsi yo,
era tolijjukirwa nate,
kubanga nze MUKAMA njogedde.’ ”

# 22

*Ebibi bya Yerusaalemi*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n’aŋŋamba nti,
2 “Omwana w’omuntu, olikisalira omusango? Olisalira omusango
ekibuga ekiyiwa omusaayi? Kale mulumbe wakati mu bikolwa bye byonna
eby’ekivve;
3 mugambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, Ggwe ekibuga
ekittira abantu mu kyo era ekyeyonoonesa olwa bakatonda abalala be
beekolera, weeleeseeko wekka ekivume,
4 era osingiddwa olw’omusaayi gw’oyiye era weeyonoonyesezza
olwa bakatonda abalala be weekolera. Ennaku zo ozikomekkerezza,
enkomerero ye myaka gyo etuuse. Kyendiva nkuswaza eri amawanga,
n’ofuuka eky’okusekererwa eri ensi zonna.
5 Abali okumpi n’abali ewala balikukudaalira, ggwe ekibuga ekiny-
oomebwa era ekijjudde emivuyo.
6 “ ‘Laba, buli mulangira wa Isirayiri bw’akozesa obuyinza bwe okuyiwa
omusaayi.

7 Bataata ne bamaama banyoomebwa, era n'abagenyi mu mmwe banyigirizibwa, era babonyaabonya bamulekwa ne bannamwandu.

8 Munyoomye ebintu byange ebitukuvu, ne mwonoona Ssabbiiti zange.

9 Mu mmwe mulimu abantu abawaayiriza abaamalirira okuyiwa omusaayi, era mulimu n'abo abaliira ku nsozi, ne bakola eby'obugwagwa.

10 Era mu mmwe mulimu abajerega obwereere bwa bakitaabwe, era mulimu n'abo abeebaka n'abakazi abali mu nsonga zaabwe ez'abakazi nga si balongoofu.

11 Mu mmwe mulimu omusajja akola ebibi eby'obwenzi ne muka muliraanwa we, omulala n'ayonoonyesa muka mwana mu buswavu, ate omulala n'akwata mwannyina muwala wa kitaawe.

12 Mu mmwe mulimu abantu abalya enguzi okuyiwa omusaayi, ne basolooza amagoba agasukkiridde ne bafuna ekisukkiridde okuva ku baliraanwa baabwe mu ngeri ey'obukumpanya, era munneerabidde, bw'ayogera MUKAMA Katonda.

13 " 'Kale nno ndikuba mu ngalo olw'amagoba agatasaanidde ge mukoze n'omusaayi ogwayiyibwa wakati mu mmwe.

14 Obuvumu bwo bulibeerera, oba emikono gyo giriba n'amaanyi olunaku lwe ndikubonereza? Nze MUKAMA nkyogedde, era ndikikola.

15 Ndibabunya mu mawanga ne mbasaasaanya mu nsi, era ndikomya obutali bulongoofu bwo.

16 Bw'oliggwaamu ekitiibwa mu maaso g'amawanga, olimanya nga Nze MUKAMA.' "

17 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,

18 "Omwana w'omuntu, ennyumba ya Isirayiri efuuse amasengere gye ndi; bonna bali ng'ebikomo, masasi, n'ebyuma ebisigalira wansi mu kikoomi ky'ekyokero. Bali ng'amasengere ga ffeeza.

19 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, 'Kubanga mwenna mufuuse masengere, kyendiva mbakuŋŋaanya ne mbateeka wakati mu Yerusaalemi.

20 Ng'omuntu bw'okuŋŋaanya effeeza, n'ebikomo, n'ebyuma, n'amasasi mu kyokero okubisaanuusa n'omuliro ogw'amaanyi, nange bwe ntyo bwe ndibakuŋŋaanya nga ndiko obusungu n'ekiruyi, ne mbateeka mu kibuga ne mbasaanuusa.

21 Ndibakuŋŋaanya, ne mbafukuta mu muliro ogw'ekiruyi kyange, ne musaanuukira munda mu kyo.

22 Era ng'effeeza bw'esaanuusibwa mu kyokero, nammwe bwe mutyo bwe mulisaanuusibwa munda mu kyo, era mulimanya nga Nze MUKAMA mbafuseeko ekiruyi kyange.' "

23 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nate, n'aŋŋamba nti,

24 "Omwana w'omuntu, yogera eri ensi nti, 'Ggwe oli nsi eteri nongoose, era etetonnyebwako nkuba ku lunaku olw'ekiruyi.'

25 Bannabbi b'ensi balina enkwe, bali ng'empologoma ewuluguma etaagulataagula omuyiggo gwayo; bavaabira abantu, ne batwala eby'obugagga n'ebintu eby'omuwendo, ne bafuula abakazi bangi mu kyo okuba bannamwandu.

26 Bakabona baakyo bajeemedde amateeka gange era boonoonye ebintu byange ebitukuvu; tebaawuddeemu bitukuvu na bya bulijjo; bayigiriza nti tewali njawulo wakati wa bitali birongoofu n'ebirongoofu, so tebassaayo mwoyo okukuuma Ssabbiiti zange, ne banswaza Nze mu bo.

27 Abakungu baakyo bali ng'emisege egitaagulataagula omuyiggo
gwagyo; bayiwa omusaayi ne batta abantu okukola amagoba mu butali
bwenkanya.
28 Bannabbi baakyo bakkiriza ebikolwa ebyo, nga babalimba
n'okwolesebwa okukyamu n'okuwa obunnabbi obw'obulimba, nga
boogera nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda,' so nga MUKAMA
tayogedde.
29 Abantu ab'omu nsi bakola eby'obukumpanya ne babba; banyigiriza
omwavu ne babonyaabonya ne munnaggwanga ne batabasalira musango
mu bwenkanya.
30 "Ne nnoonya omuntu mu bo ayinza okuzimba ekisenge era ayinza
okubeeyimiririra mu maaso gange ku lw'ensi, naye ne siraba n'omu.
31 Kyendiva mbayiwako ekiruyi kyange, ne mbamalawo n'omuliro
ogw'obusungu bwange, ne mbaleetako ebyo byonna bye baakola,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

# 23

*Abooluganda Ababiri Abenzi*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu waaliwo abakazi babiri, nnyabwe omu,
3 abeewaayo mu Misiri, ne bakola obwamalaaya okuviira ddala mu
buto bwabwe, era eyo gye baakwatirakwatira ku mabeere ne batandika
n'okumanya abasajja.
4 Erinnya ly'omukulu nga ye Okola, ne muto we nga ye Okoliba. Baali
bange, era banzalira abaana aboobulenzi n'aboobuwala. Okola ye yali
ayitibwa Samaliya, Okoliba nga ye Yerusaalemi.
5 "Okola n'akola obwamalaaya ng'akyali wange, n'akabawala ku
baganzi be Abasuuli,
6 abaserikale abaayambalanga kaniki, n'abaamasaza, n'abaduumizi
b'eggye, bonna nga basajja balabika bulungi era nga beebagala embalaasi.
7 Yeewaayo okubeera malaaya eri abakulembeze ab'e Bwasuli, ne
yeeyonoonyesa ne bakatonda abalala bonna aba buli muntu gwe yak-
abawalanga naye.
8 Teyalekayo bwamalaaya bwe yatandikira mu Misiri.
9 "Kyenava muwaayo eri baganzi be Abasuuli, be yakabawalanga nabo.
10 Baamwambula, ne batwala batabani be ne bawala be, ye ne bamutta
n'ekitala. Yafuuka ekivume mu bakazi ne bamuwa n'ekibonerezo.
11 "Newaakubadde nga muganda we Okoliba, yabiraba ebyo, yeeyongera
mu bukaba bwe ne mu bwamalaaya bwe n'okusinga muganda we.
12 Yakabawala n'Abasuuli, n'abaamasaza n'abaduumizi b'eggye
n'abaserikale abaali bambadde obulungi engoye ennungi
n'abeebagalanga embalaasi n'abaalabikanga obulungi abeegombeb-
wanga.
13 Ne ndaba nga naye yeeyonoonye, era bombi nga bakutte ekkubo lye
limu.
14 "Naye wakati mu ebyo byonna, ne yeeyongeranga mu bwa-
malaaya bwe; n'alaba ebifaananyi eby'abasajja ebyasiigibwa ku bisenge,
n'ebifaananyi eby'Abakaludaaya ebyatonebwa mu langi emyufu,
15 nga beesibye enkoba mu biwato, nga beesibye n'ebiremba ku mitwe,
bonna nga bafaanana ng'abakungu ba Babulooni abavuga amagaali
ab'omu nsi ey'Abakaludaaya.

16 Awo olwatuuka, n'abeegomba, n'abatumira ababaka mu Bukalu-
daaya.
17 Era Abababulooni ne bajja gy'ali, ne beebaka naye, era mu kwegomba
kwe ne bamwonoona. Bwe baamusobyako n'abaviira, nga yeetamiddwa.
18 Bwe yagenda mu maaso n'obwamalaaya bwe mu lwatu, n'ayolesa
obwereere bwe, ne mmuviira nga nennyamidde, nga bwe nnava ku
muganda we.
19 Newaakubadde nga namukola ebyo byonna, yeeyongeranga bwey-
ongezi mu maaso, nga bwe yejjukanya ennaku ez'omu buvubuka bwe,
bwe yakola obwamalaaya mu Misiri,
20 gye yakabawalira ku baganzi be, abaalina entula ez'ekisajja nga
zifaanana ez'endogoyi, n'amaanyi agabavaamu ng'ag'embalaasi.
21 Bw'otyo n'oyaayaanira okwegomba okw'omu buvubuka bwo, bwe
wali mu Misiri ne bakukwatirira mu ngeri ey'obukaba, ne bakwatirira
n'amabeere go amato.
22 "Kale ggwe Okoliba, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
Ndikuma mu baganzi bo omuliro, ne bakulumba ku njuyi zonna:
23 Abababulooni, n'Abakaludaaya bonna, n'abasajja ab'e Pekodi ne Sara
ne Kowa, n'Abaasuli bonna wamu nabo, n'abavubuka abalabika obu-
lungi, n'abaamasaza n'abaduumizi b'eggye bonna, n'abakungu abavuga
amagaali n'abaserikale ab'oku ntikko bonna, nga beebagadde embalaasi
bonna.
24 Balikulumba nga balina amagaali, n'ebiwalulibwa n'ekibiina
eky'abantu; balyesega ne beetereeza mu bifo byabwe ne bakulumba
enjuuyi zonna nga bakutte engabo ennene n'entono nga bambadde
n'enkuufiira ez'ebyuma. Ndikuwaayo mu mukono gwabwe ne bakusalira
omusango, era balikubonereza ng'amateeka gaabwe bwe gali.
25 Ndikuyiwako ekiruyi kyange, nabo ne bakubonereza mu busungu.
Balibasalako ennyindo zammwe n'amatu gammwe, n'abalisigalawo balifa
n'ekitala. Balitwala batabani bammwe ne bawala bammwe, n'abaliba
basigaddewo, balyokebwa omuliro.
26 Balibambulamu engoye zammwe, ne batwala n'eby'omu bulago.
27 Era ndikomya obukaba n'obwamalaaya bwe waleeta okuva mu Misiri,
so tolibuyaayaanira nate newaakubadde okujjukira Misiri.
28 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nnaatera okukuwaayo eri
abo abakukyawa n'eri abo be weetamwa.
29 Balikukwata n'obukyayi obuyitiridde, ne batwala ebintu byonna
bye wakolerera, ne bakuleka bwereere nga tolina kantu, n'ensonyi
z'obwamalaaya zirabibwe buli muntu. Obukaba bwo n'obugwagwa bwo
30 bwe bukuleetedde ebyo, kubanga weegomba amawanga ne weey-
onoona ne bakatonda baabwe.
31 Kubanga wagoberera ekkubo lya muganda wo, kyendiva nkuwa
ekikompe kye mu mukono gwo.
32 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Olinywa ekikompe kya muganda wo,
ekikompe ekigazi era ekinene;
kirikuleetera okusekererwa n'okuduulirwa
kubanga kirimu ebintu bingi.
33 Olijjuzibwa okutamiira n'ennaku,
ekikompe eky'obuyinike era eky'okunakuwala,
ekyo kye kikompe kya muganda wo Samaliya.
34 Olikinywa n'okikaliza;

olikyasaayasa,
ne weeyuzaayuza amabeere.
Nze MUKAMA Katonda, nkyogedde.

35 “MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Kubanga mwanneerabira
ne munkuba amabega, kyemuliva mubonaabona olw’okwegomba
kwammwe.”
36 MUKAMA n’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu olisalira Okola ne
Okoliba omusango? Kale nno baŋŋange olw’ebikolwa byabwe eby’ekivve,
37 kubanga bakoze eby’obwenzi, n’engalo zaabwe zijjudde omusaayi.
Benze ne bakatonda baabwe, ne basaddaaka n’abaana baabwe
ng’emmere y’abakatonda baabwe, abaana be banzalira.
38 Ne kino bakinkoze. Mu kiseera kyekimu boonoonye ekifo kyange
ekitukuvu, era boonoonye ne Ssabbiiti zange.
39 Ku lunaku kwe baassaddaakira abaana baabwe eri bakatonda
baabwe, baayingira mu watukuvu ne bayonoonawo. Ebyo bye baakola
mu nnyumba yange.
40 “Baatuma ababaka okuleeta abasajja okuva ewala ennyo, era bwe
baatuuka, ne munaaba ku lwabwe ne mweyonja mu maaso, ne mwambala
n’amayinja ag’omuwendo omungi.
41 Watuula ku kitanda ekinene eky’ekitiibwa, n’oyalirira n’emmeeza mu
maaso go ng’etegekeddwako obubaane bwange n’amafuta gange.
42 “Oluyoogaano olw’ekibinja ky’abantu abatalina nnyo kye bakola
ne Abaseba ne lumwetooloola; Abaseba ne baleetebwa okuva mu
ddungu wamu n’abasajja abaalyanga mu kasasiro, ne bambaza ebintu
eby’ebikomo ku mikono gy’omukazi ne muganda we, ne babatikkira
n’engule ennungi ku mitwe gyabwe.
43 Awo ne njogera ku oyo eyali akaddiye olw’obwenzi nti, ‘Bamukoze-
seze ddala nga malaaya kubanga ekyo kyali.’
44 Ne beebaka naye. Ng’abasajja bwe beebaka ne malaaya, bwe batyo
beebaka n’abakazi abo abagwenyufu, Okola ne Okoliba.
45 Naye abatuukirivu balisalira omusango abakazi abenzi era abassi
kubanga benzi era n’engalo zaabwe zijjudde omusaayi.
46 “Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, ‘Mukuŋŋaanye ekibiina
ekinene mubaleeteko entiisa era mubanyage.
47 Ekibiina ekyo kiribakuba amayinja ne babatemaatema n’ebitala;
balitta batabani baabwe ne bawala baabwe ne bookya n’ennyumba
zaabwe.’
48 “Bwe ntyo bwe ndikomya obukaba mu nsi, abakazi bonna bakitwale
ng’ekyokulabula, baleme okukola ebyo bye mwakola.
49 Mulisasulibwa olw’obukaba bwammwe, era mulibonerezebwa
olw’ebibi byammwe eby’okusinza bakatonda abalala, mulyoke mumanye
nga nze MUKAMA Katonda.”

# 24

*Entamu Efumba*

1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw’omwenda, mu mwezi ogw’ekkumi
ku lunaku olw’ekkumi, ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira
n’aŋŋamba nti,
2 “Omwana w’omuntu wandiika ennaku z’omwezi eza leero, kubanga
kabaka w’e Babulooni azingizza Yerusaalemi olwa leero.

3 Gerera ennyumba eyo enjeemu olugero obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Muteeke entamu ku kyoto,
musseemu amazzi.
4 Mugiteekemu ebifi eby'ennyama,
ebifi byonna ebirungi, ekisambi n'omukono.
Mugijjuze n'amagumba agasinga obulungi,
5 mulonde endiga esinga obulungi okuva mu kisibo,
Oteeke ebisiki wansi w'entamu,
mweseze ebigirimu,
era ofumbe n'amagumba agalimu.

6 " 'Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Zikusanze ggwe ekibuga ekiyiwa omusaayi,
ggwe entamu eriko enziro,
eteereddwamu ebintu ebitaaveemu.
Gyamu ekifi kimu kimu
awatali kukuba kalulu.

7 " 'Omusaayi gwe yayiwa guli wakati mu ye,
yaguyiwa ku lwazi olwereere;
teyaguyiwa wansi
enfuufu ereme okugubikka.
8 Okusiikula ekiruyi kyange nsobole okuwalana eggwanga
n'ateeka omusaayi gwe ku lwazi olwereere,
guleme okubikkibwako.

9 " 'MUKAMA Katonda kyava ayogera nti,
" 'Zikusanze ggwe ekibuga ekiyiwa omusaayi!
Nange ndituuma enku nnyingi ddala.
10 Mutuume ebisiki,
mukume omuliro,
ennyama mugifumbe bulungi,
mugiteekemu ebirungo,
n'amagumba gasiriire.
11 Oluvannyuma muddire entamu enkalu mugiteeke ku masiga,
okutuusa lw'eneeyokya ennyo n'ekikomo mwe yakolebwa ne kyengerera,
ebitali birongoofu ebigirimu ne bisaanuuka,
n'ebyateekebbwamu ne byokebwa.
12 Okufuba kwonna kubadde kwa bwereere,
kubanga ebyateekebbwamu ebingi tebiggiddwamu,
n'omuliro nagwo tegubyokeza.
13 " 'Kaakano mu kwonoona kwo wagwenyuka, kubanga nagezaako
okukutukuza ggwe, naye ne kitasoboka kukutukuza, era tolitukuzibwa
okutuusa ekiruyi kyange bwe kirikkakkana.

14 " 'Nze MUKAMA njogedde. Ekiseera kituuse okubaako ne kye nkola.
Siritunula butunuzi so sirisaasira newaakubadde okwejjusa. Ndikusalira
omusango nga nsinziira ku neeyisaayo ne ku bikolwa byo, bw'ayogera
MUKAMA Katonda.' "

*Mukazi wa Ezeekyeri Afa*

15 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
16 "Omwana w'omuntu, luliba lumu oliba oli awo ne nkuggyako ekyo
amaaso go kye gasinga okwegomba, naye tokungubaganga newaakubadde
okukuba ebiwoobe newaakubadde okukaaba.
17 Osindanga mu kasirise naye tokungubagiranga mufu. Ekiremba
ku mutwe gwo okinywezanga, era osigalanga oyambadde engatto zo;
tobikkanga wansi w'amaaso go wadde okulya emmere ey'omulumbe."
18 Awo ne njogera eri abantu ku makya, akawungeezi mukazi wange
n'afa. Enkeera ne nkola nga bwe nalagiddwa.
19 Abantu ne bambuuza nti, "Bino bitegeeza ki?"
20 Awo ne mbaddamu nti, "Ekigambo kya MUKAMA kyanzijira
n'aŋŋamba nti,
21 Tegeeza ennyumba ya Isirayiri nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA
Katonda nti, nnaatera okwonoona awatukuvu wange, ekigo kye mwegulu-
miririzangamu, amaaso gammwe kye geegombanga, n'emitima gyammwe
kye gyayagalanga, ne batabani bammwe ne bawala bammwe abaasigala
emabega, balifa n'ekitala.
22 Mulikola nga nze bwe nkoze, so temulibikka wansi w'amaaso
gammwe newaakubadde okulya emmere ey'omulumbe.
23 Mulisigala nga mwesibye ebiremba ku mitwe gyammwe, era
mulisigala nga mwambadde engatto zammwe. Temulikuba biwoobe
newaakubadde okukaaba naye muliyongobera olw'ebibi byammwe, buli
muntu n'asindira munne ennaku.
24 Era Ezeekyeri aliba kabonero gye muli, era mulikola nga bw'akoze.
Ebyo bwe biribaawo, mulimanya nga nze MUKAMA Katonda.'
25 "Ate ggwe, omwana w'omuntu, olunaku lwe ndibaggyako
ekigo kyabwe, n'essanyu lyabwe n'ekitiibwa kyabwe, n'okwegomba
okw'amaaso gaabwe, n'okwegomba okw'emitima gyabwe, ne batabani
baabwe ne bawala baabwe,
26 ku lunaku olwo aliba awonyeewo y'alikuwa amawulire.
27 Mu kiseera ekyo olyasamya akamwa ko, era olyogera eri kaawonawo
so toliddayo kusirika. Era oliba kabonero gye bali, bamanye nga nze
MUKAMA."

# 25

*Obunnabbi ku Amoni*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, simba amaaso go eri abaana ba Amoni obawe
obunnabbi.
3 Bagambe nti, 'Muwulire ekigambo kya MUKAMA Katonda. Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, kubanga mwakuba mu ngalo ne
mwogera nti, "Otyo!" ku watukuvu wange bwe wayonooneka, n'ensi ya
Isirayiri bwe yafuuka amatongo, ne ku bantu ba Yuda bwe baatwalibwa
mu buwaŋŋanguse,
4 kyendiva mbawaayo eri abantu ab'Ebuvanjuba mube bantu baabwe
ab'obwannanyini. Balikola olusiisira mu mmwe ne basiisira wakati mu
mmwe, era balirya ebibala byammwe ne banywa n'amata gammwe.
5 Ndifuula Labba okubeera eddundiro ly'eŋŋamira ne Amoni ne mufu-
ula ekifo endiga we ziwummulira. Olwo mulimanya nga nze MUKAMA.
6 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti: kubanga wakuba mu ngalo,
n'osambagala n'ebigere, n'osanyuka n'ettima lyonna ery'omutima gwo
n'osekerera ensi ya Isirayiri,

[7] kyendiva nkugololerako omukono gwange era ndikuwaayo okuba
omunyago eri amawanga. Ndikusalirako ddala ku mawanga era nku-
malirewo ddala okuva mu nsi. Ndikuzikiriza, era olimanya nga nze
MUKAMA.' "

*Obunnabbi ku Mowaabu*

[8] "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, 'Kubanga Mowaabu ne Seyiri
baayogera nti, "Laba ennyumba ya Yuda efuuse ng'amawanga amalala
gonna,"
[9] kyendiva nswaza oluuyi olumu olwa Mowaabu okutandika n'ebibuga
ebiri ku nsalo yaakyo, Besu Yesimosi, ne Baalu Myoni, ne Kiriyasayimu,
ekitiibwa ky'ensi eyo.
[10] Ndiwaayo abantu ab'e Mowaabu wamu n'abantu ab'e Amoni eri
abantu ab'Ebuvanjuba mube bantu baabwe ab'obwannanyini, abantu ba
Amoni balemenga okujjukirwanga mu mawanga,
[11] era ne Mowaabu ndimubonereza. Olwo balimanya nga nze
MUKAMA.' "

*Obunnabbi ku Edomu*

[12] "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, 'Kubanga Edomu yawool-
era eggwanga ku nnyumba ya Yuda, bw'etyo n'esingibwa omusango
olw'ekikolwa ekyo,
[13] MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Ndigololera ku Edomu omukono
gwange, ne nzita abantu be n'ebisolo byabwe. Ndigisaanyaawo, n'abo
abaliba mu Temani okutuuka e Dedani balifa ekitala.
[14] Ndiwoolera eggwanga ku Edomu nga nkozesa omukono gw'abantu
bange Isirayiri, era balikola ku Edomu ng'obusungu bwange n'ekiruyi
kyange bwe byenkana; balimanya okuwoolera eggwanga kwange bwe
kwenkana, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

*Obunnabbi ku Bafirisuuti*

[15] "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, 'Kubanga Abafirisuuti
beesasuza nga bawoolera eggwanga ne beesasuza n'ettima, ne banoonya
okuzikiriza Yuda, n'obukambwe obw'edda,
[16] MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Nnaatera okugololera omukono
gwange ku Bafirisuuti, era nditta Abakeresi, n'abaliba basigaddewo ku
mabbali g'ennyanja ndibazikiriza.
[17] Ndibawoolera eggwanga n'ebibonerezo eby'amaanyi eby'ekiruyi.
Balimanya nga nze MUKAMA, bwe ndiwoolera eggwanga ku bo.' "

# 26

*Obunnabbi ku Ttuulo*

[1] Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu ku lunaku
olw'olubereberye mu mwezi, ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira
n'aŋŋamba nti,
[2] "Omwana w'omuntu, kubanga Ttuulo yakuba mu ngalo n'ayogera
ku Yerusaalemi nti, 'Otyo! Omulyango ogw'amawanga gumenyeddwa,
era n'enzigi zinzigguliddwa kaakano nga bw'afuuse amatongo, ndigag-
gawala,'
[3] MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Nkuvunaana ggwe Ttuulo, ndiy-
imusa amawanga mangi gakulumbe, ng'ennyanja bw'esitula amayengo
gaayo.

4 Balimenya bbugwe wa Ttuulo, ne basuula n'emirongooti gye, era
ndiggyawo ebifunfugu bye byonna ne mmufuula olwazi olwereere.
5 Wakati mu nnyanja alibeera ekifo eky'okwanjulurizangamu obutimba
obw'ebyennyanja, kubanga nze njogedde bw'ayogera MUKAMA Katonda.
Alifuuka omunyago ogw'amawanga,
6 era ebifo bye eby'oku lukalu kw'abeera birimalibwawo ekitala. Olwo
balimanya nga nze MUKAMA.
7 "Era MUKAMA Katonda agamba nti, 'Ndiweereza Nebukadduneeza
kabaka w'e Babulooni kabaka wa bakabaka, eri Ttuulo okuva mu
bukiikakkono, ng'alina embalaasi n'amagaali, n'abeebagala embalaasi
n'eggye eddene.
8 Alitta n'ekitala abatuuze bo ababeera ku lukalu, era alizimba
ebigo okukwolekera, n'ateekawo n'ebitindiro okutuuka ku bbugwe wo
n'akwolekeza n'engabo.
9 Alitunuza ebintu bye ebitomera eri bbugwe wo, n'amenyaamenya
emirongooti gyo n'ebyokulwanyisa bye.
10 Embalaasi ze ziriba nnyingi nnyo, n'enfuufu yaazo erikubikka
era ne bbugwe wo alinyeenyezebwa olw'amaloboozi g'embalaasi en-
nwanyi, n'olw'ebiwalulibwa n'amagaali bw'aliyingira mu wankaaki wo,
ng'abasajja bwe bayingira mu kibuga, nga bbugwe waakyo abotoddwamu
ekituli.
11 Embalaasi ze ziririnyirira enguudo zo; n'abantu bo alibatta n'ekitala
era n'empagi zo ez'amaanyi zirisuulibwa ku ttaka.
12 Balinyaga obugagga bwo ne babba n'ebyamaguzi byo; balimenya
bbugwe wo ne basaanyaawo n'ennyumba zo ennungi, n'amayinja go
n'embaawo zo era n'ebifunfugu birisuulibwa wakati mu nnyanja.
13 Ndikomya okuyimba kwo, era n'amaloboozi ag'ennanga zo tegali-
wulirwa nate.
14 Ndikufuula olwazi olwereere, era olibeera ekifo
eky'okwanjulurizangamu obutimba obw'ebyennyanja. Tolizimbibwa
nate, kubanga nze MUKAMA njogedde, bw'ayogera MUKAMA Katonda.'
15 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda eri Ttuulo nti, Ebifo ebiri ku
lubalama lw'ennyanja tebirikankana olw'okubwatuka olw'okugwa kwo,
abaliba balumizibbwa bwe balisinda, n'abalala ne battibwa wakati mu
ggwe?
16 Olwo abalangira bonna ab'oku lukalu lw'ennyanja baliva ku ntebe
zaabwe ez'obwakabaka ne bambulamu ebyambalo byabwe ne baggyako
n'engoye zaabwe ez'emiddalizo. Mu kutya okungi, balituula wansi ku
ttaka, nga bakankana buli kaseera nga basamaaliridde.
17 Balikukungubagira ne bakugamba nti,

" 'Ng'ozikiriziddwa, ggwe ekibuga ekyatutumuka,
ekyabeerangamu abantu abalunnyanja.
Wali wa maanyi ku nnyanja, ggwe n'abantu bo,
watiisatiisanga bonna abaabeeranga ku lubalama lw'ennyanja.
18 Kaakano olubalama lw'ennyanja
lukankana ku lunaku olw'okugwa kwo,
era n'ebizinga ebiri mu nnyanja
bitidde olw'okugwa kwo.'

19 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, 'Bwe ndikufuula ekibuga
ekirimu ebifulukwa, ng'ebibuga ebitakyabaamu bantu era bwe ndikuy-
imusizaako obuziba bw'ennyanja, n'amazzi gaayo ne gakubikka,

[20] kale ndikussa wansi ng'abo abagenda mu bunnya eri abaafa
edda. Olibeera wansi mu ttaka, mu bifo ebyazika edda ennyo, n'abo
abaserengeta mu bunnya, so tojja kudda wadde okufuna ekifo mu nsi ya
balamu.
[21] Ndikutuusa ku nkomerero embi, so toliwulirwa nate. Balikunoonya,
naye toliddayo kulabika,' bw'ayogera MUKAMA Katonda."

# 27

*Okukungubagira Ttuulo*

[1] Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
[2] "Kaakano, ggwe omwana w'omuntu tandika okukungubagira Ttuulo.
[3] Oyogere eri Ttuulo, ekiri awayingirirwa mu nnyanja, omusuubuzi
ow'amawanga ag'oku ttale ery'ennyanja, nti bw'ati bw'ayogera MUKAMA
Katonda nti,
" 'Ggwe Ttuulo oyogera nti,
"Natuukirira mu bulungi."
[4] Amatwale go gakoma mu nnyanja wakati,
era n'abaakuzimba baakola omulimu ogw'ettendo.
[5] Baakola embaawo zo zonna
mu miberosi gya Seniri,
ne baddira emivule egy'e Lebanooni
ne bakolamu omulongooti.
[6] Ne bakola enkasi zo okuva mu myera egya Basani,
n'emmanga zo, bazikola mu nzo,
ez'oku bizinga ebya Kittimu,
nga bazaaliiridde n'amasanga.
[7] Ettanga lyo lyali lya linena aliko omudalizo eryava mu Misiri,
era lyakozesebwanga ebendera;
n'engoye zo zaali za bbululu n'ez'effulungu
ezaaba ku ttale erya Erisa ekyali ku mabbali g'ennyanja.
[8] Abasajja b'e Sidoni ne Aluwadi be baakubanga enkasi,
n'abasajja bo abamanyirivu, ggwe Ttuulo, be baali abalunnyanja.
[9] Abasajja abazira ab'e Gebali n'abagezigezi baaberanga mu ggwe,
era ng'omulimu gwabwe kunyweza emiguwa gy'ebyombo;
ebyombo byonna eby'oku nnyanja n'abagoba baabyo bajjanga okusuubula
naawe;
nga bagula ebyamaguzi byo.

[10] " 'Abantu ab'e Buperusi, ne Luudi ne Puuti*,
baali mu ggye lyo,
era be baawanikanga engabo n'enkuufiira ku bisenge byo
ne bakuwa ekitiibwa.
[11] Abasajja ba Aluwadi n'eggye lyabwe
be baakuumanga bbugwe wo enjuuyi zonna;
abasajja b'e Gagammada baabanga mu mirongooti gyo
nga bawanise engabo zaabwe okwetooloola bbugwe wo,
era be baakulabisanga obulungi.

* **27:10** Puuli ne Puuti bye bimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya

12 “ ‘Talusiisi yakolanga naawe obusuubuzi obw’obugagga obw’engeri zonna bwe walina, baawanyisanga effeeza, n’ebyuma, n’amabaati n’amasasi bafune ebyamaguzi byo.
13 “ ‘Buyonaani, Tubali, ne Meseki be baakusuubulangako, nga muwanyisaganya abaddu n’ebintu eby’ebikomo bafune ebintu byammwe.
14 “ ‘Ab’omu Togaluma baawanyisaganya embalaasi ez’emirimu egya bulijjo, n’embalaasi ez’entalo, n’ennyumbu bafune ebyamaguzi byo.
15 “ ‘Abasajja ab’e Dedani baasuubulanga naawe, era n’abatuuze ab’oku lubalama lw’ennyanja baali katale ko, nga bakusasula n’amasanga n’emitoogo.
16 “ ‘Edomu baakolanga naawe eby’obusuubuzi olw’obungi bw’ebintu byo; era baawanyisanga naawe amayinja aga nnawandagala, n’engoye ez’effulungu, n’emirimu egy’eddalizo, ne linena omulungi ne kolali n’amayinja amatwakaavu bafune ebyamaguzi byo.
17 “ ‘Yuda ne Isirayiri baakolanga naawe eby’obusuubuzi nga bawaanyisa naawe eŋŋaano eyavanga e Minnisi n’ebyakaloosa, n’omubisi gw’enjuki, n’amafuta n’envumbo, bafune ebyamaguzi byo.
18 “ ‘Olw’obugagga bwo obungi, n’ebintu byo ebingi, Ddamasiko baasuubulanga naawe wayini ow’e Keruboni, n’ebyoya by’endiga ebyeru eby’e Zakari.
19 Aba Ddaani ne Yovani (Buyonaani) abaavanga e Wuzari baawanyisanga naawe ekyuma ekiyisiddwa mu muliro n’embawo eza kasiya ne kalamo, ne bagula ebyamaguzi byo.
20 “ ‘Dedani yakusuubulangako bulangiti ezakozesebwanga ne mu kwebagala embalaasi.
21 “ ‘Buwalabu n’abalangira bonna ab’e Kedali baakusuubulangako era ne bakugulako abaana b’endiga, n’endiga ennume n’embuzi.
22 “ ‘Abasuubuzi ab’e Seeba ne Laama baakolagananga naawe, nga bakusuubulako ebyakaloosa ebisinga byonna obulungi, n’amayinja gonna ag’omuwendo omungi ne zaabu, bafune ebyamaguzi byammwe.
23 “ ‘Kalani, ne Kaane ne Adeni n’abasuubuzi ab’e Seeba, Asuli, ne Kirumaadi baasuubulanga naawe.
24 Mu katale ko baasubulirangamu engoye ennungi, engoye eza bbululu, n’engoye ez’eddalizo, n’ebiwempe ebineekaneeka ebiriko emiguwa emiruke egyalukibwa obulungi.

25 “ ‘Ebyombo eby’e Talusiisi
bye byatambuzanga ebyamaguzi byo.
Era wajjula n’oba n’ebintu bingi
wakati mu nnyanja.
26 Abakubi b’enkasi bakutwala
awali amayengo amangi.
Naye omuyaga ogw’Ebuvanjuba gulikumenyeramenyera
wakati mu nnyanja.
27 Obugagga bwo n’ebyamaguzi byo n’ebikozesebwa byo,
n’abalunnyanja bo,
n’abagoba bo,
n’abasuubuzi bo n’abaserikale bo bonna
na buli muntu ali ku kyombo balibbira
wakati mu nnyanja ku lunaku kw’oligwiira ku kabenje.
28 Eddoboozi ly’okukaaba kw’abalunnyanja bo,
kulikankanya ebyalo ebiri ku lubalama lw’ennyanja.

29 Abakubi b'enkasi bonna
balyabulira ebyombo byabwe;
n'abagoba n'abalunnyanja bonna
baliyimirira ku lubalama lw'ennyanja.
30 Baliyimusa amaloboozi gaabwe
ne bakukaabira nnyo;
era baliteeka enfuufu ku mitwe gyabwe
ne beevulunga mu vvu.
31 Balikumwera emitwe gyabwe,
era Balyambala ebibukutu.
Balikukaabira n'emmeeme ezennyamidde
nga bakukungubaga n'emitima egijjudde ennyiike.
32 Balikukungubagira nga bwe bakuba ebiwoobe
nga boogera nti,
Ani eyali asirisibbwa nga Ttuulo
eyeetooloddwa ennyanja?
33 Bwe waweerezanga ebyamaguzi byo ku nnyanja,
amawanga mangi gamalibwanga;
era ne bakabaka b'ensi
baagaggawazibwa eby'obugagga bwo ebingi n'ebyamaguzi byo.
34 Kaakano ennyanja ekumazeewo,
mu buziba bw'amazzi;
ebyamaguzi byo n'ab'omu kyombo kyo
bonna babbidde naawe.
35 Abantu bonna ab'oku lubalama lw'ennyanja
bafunye ensisi,
era ne bakabaka baabwe bajjudde entiisa
tebafaananika mu maaso olw'entiisa.
36 Abasuubuzi ab'omu mawanga bakufuuyira empa;
otuuse ku nkomerero embi,
so tolibeerawo nate ennaku zonna.' "

# 28

*Obunnabbi ku Kabaka w'e Ttuulo*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, gamba omufuzi w'e Ttuulo nti,
"Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
Kubanga olina amalala mu mutima gwo kyova oyogera nti,
'Ndi katonda,
era ntuula ku ntebe ey'obwakabaka eya Katonda wakati mu nnyanja,'
songa oli muntu buntu, so si katonda,
newaakubadde ng'olowooza nga oli mugezi nga katonda.
3 Oli mugezi okusinga Danyeri?
Tewali kyama kikukwekeddwa?
4 Mu magezi go ne mu kutegeera kwo
weefunidde eby'obugagga,
n'okuŋŋaanya ezaabu n'effeeza
n'obitereka mu mawanika go.
5 Olw'obukujjukujju bwo mu by'obusuubuzi
oyongedde okugaggawala,
era n'omutima gwo
gwenyumiririza mu byobugagga bwo."

6 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti,
“Kubanga olowooza ng’oli mugezi,
ng’oli mugezi nga katonda,
7 kyendiva nkuleetera bannaggwanga ne bakulumba,
ab’omu mawanga agasinga obukambwe,
ne basowola ebitala byabwe eri obulungi n’amagezi go,
ne boonoona okumasamasa kwo.
8 Balikusuula mu bunnya
n’ofiira eyo okufa okubi
wakati mu gayanja.
9 Olyogera nate nti, ‘Ndi katonda,’
mu maaso gaabo abakutta?
Oliba muntu buntu so si katonda
mu mikono gy’abo abakutta.
10 Olifa okufa okw’abatali bakomole, mu mikono gya bannaggwanga,
nze nkyogedde, bw’ayogera MUKAMA Katonda.”
11 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira, n’aŋŋamba nti,
12 “Omwana w’omuntu kungubagira kabaka w’e Ttuulo, omutegeeze nti,
Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti,
“ ‘Ggwe wali ekyokulabirako ekituukiridde ng’ojjudde amagezi
era nga watuukirira mu bulungi.
13 Wali mu Adeni,
ennimiro ya Katonda;
buli jjinja ery’omuwendo nga likubikako,
sadio, topazi, alimasi, berulo,
onuku, yasipero, safiro,
ejjinja erya nnawandagala.
Okuteekebwateekebwa kwo n’ebikunyweza byakolebwa mu zaabu.
Era ku lunaku lwe watondebwa, byategekebwa.
14 Wali kerubi omukuumi eyafukibwako amafuta,
nakwawula lwa nsonga eyo.
Wabeeranga ku lusozi olutukuvu olwa Katonda,
n’otambulira wakati mu mayinja ag’omuliro.
15 Tewaliiko kya kunenyezebwa kyonna
okuva ku lunaku lwe watondebwa,
okutuusa obutali butuukirivu bwe bwalabika mu ggwe.
16 Mu bikolwa byo ebingi,
wajjula empisa embi,
era n’okola ebibi.
Kyennava nkugoba ku lusozi lwa Katonda,
mu buswavu obungi ne nkugoba ggwe kerubi eyakuumanga
okuva mu mayinja ag’omuliro.
17 Omutima gwo gwalina amalala
olw’obulungi bwo,
ne weelimbalimba
olw’ekitiibwa kyo.
Kyennava nkukanyuga ku nsi ne nkufuula
eky’okusekererwa mu maaso ga bakabaka.
18 Olw’ebibi byo ebingi n’olw’obukumpanya bwo
oyonoonye ebifo byo ebitukuvu.
Kyenava nziggya omuliro mu ggwe
ne gukusaanyaawo,
ne nkufuula evvu ku nsi

wakati mu abo bonna abaakulabanga.
19 Amawanga gonna agaakumanya
gaatya nnyo;
otuuse ku nkomerero embi,
so tolibeerawo nate ennaku zonna.' "

### *Obunnabbi ku Sidoni*

20 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira, n'aŋŋamba nti,
21 "Omwana w'omuntu kyuka otunuulire Sidoni, obawe obunnabbi,
22 oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Nkulinako ensonga, ggwe Sidoni,
era ndyegulumiza mu ggwe.
Balimanya nga nze MUKAMA
bwe ndimubonereza,
ne neeraga mu ye okuba omutukuvu.
23 Ndiweereza kawumpuli ku ye, era ndikulukusa
omusaayi mu nguudo ze.
Abafu baligwa wakati mu ye,
ekitala kimulumbe enjuuyi zonna.
Olwo balimanya nga nze MUKAMA.
24 " 'Tewalibaawo nate eri ennyumba ya Isirayiri omweramannyo
ogufumita newaakubadde eriggwa eribafumita okuva mu baliraanwa
abalina ettima. Era balimanya nga nze Katonda Ayinzabyonna.
25 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Bwe ndikuŋŋaanya abantu
ba Isirayiri okubaggya mu mawanga gye baasaasaanyizibwa, nditukuz-
ibwa mu bo mu maaso g'amawanga, era balituula mu nsi eyaabwe gye
nawa omuddu wange Yakobo.
26 Balituula omwo mirembe, era balizimba amayumba ne basimba
n'ennimiro ez'emizabbibu. Bwe ndibonereza baliraanwa baabwe bonna
abaabayisa obubi, bo baliba batudde mirembe. Olwo balimanya nga nze
MUKAMA Katonda waabwe.' "

## 29

### *Obunnabbi ku Misiri*

1 Awo mu mwaka ogw'ekkumi, mu mwezi ogw'ekkumi ku lunaku
olw'ekkumi n'ebbiri, ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira
n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, tunula eri Falaawo, ye kabaka w'e Misiri
olangirire obunnabbi gy'ali n'eri Misiri yonna.
3 Yogera gy'ali nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Nkulinako ensonga, Falaawo, ggwe kabaka w'e Misiri,
ggwe ogusota ogunene ogugalamidde wakati mu migga gyagwo,
ogwogera nti, "Kiyira wange,
era nze nnamwekolera."
4 Nditeeka amalobo mu mba zo,
era ndireetera n'ebyennyanja eby'omu migga gyo okukwatira ku magamba go.
Ndikusikayo mu migga gyo
ng'ebyennyanja byonna bikwatidde ku magamba go.
5 Ndikutwala mu ddungu,
ggwe n'ebyennyanja byonna eby'omu migga gyo.
Oligwa ku ttale,
so tolikuŋŋaanyizibwa newaakubadde okulondebwalondebwa.

Ndikuwaayo okuba emmere
eri ensolo enkambwe ez'oku nsi n'eri ebinyonyi eby'omu bbanga.
6 Awo bonna ababeera mu Misiri balimanya nga nze MUKAMA Katonda.
" 'Obadde muggo gwa lumuli eri ennyumba ya Isirayiri.
7 Bwe bakunyweza n'emikono gyabwe, n'omenyekamenyeka, n'oyuza
ebibegabega byabwe; bwe baakwesigamako, n'omenyeka, era n'okutula
n'emigongo gyabwe.
8 " 'MUKAMA Katonda kyava ayogera nti: Ndikujjira n'ekitala, n'enzita
abantu bo n'ebisolo byabwe.
9 Ensi ey'e Misiri erifuuka matongo era ensiko, balyoke bamanye nga
nze MUKAMA Katonda.
" 'Kubanga wayogera nti, "Kiyira wange, nze namukola,"
10 kyennaava mbeera n'ensonga eri ggwe n'eri emigga gyo, era ndifuula
ensi ey'e Misiri okuba ensiko enjereere ejjudde amatongo okuva ku
mulongooti ogw'e Sevene okutuuka ku nsalo ey'e Buwesiyopya.
11 Tewaliba kigere kya muntu newaakubadde ky'ensolo ekiri giyitamu,
so teribeerwamu okumala emyaka amakumi ana.
12 Ndifuula ensi ey'e Misiri okuba amatongo wakati mu nsi ezaazika,
era n'ebibuga byakyo biriba byereere okumala emyaka amakumi ana.
Ndibunya Abamisiri mu mawanga ne mbataataanyiza mu nsi nnyingi.
13 " 'Naye MUKAMA Katonda agamba nti; Oluvannyuma lw'emyaka
amakumi ana ndikuŋŋaanya Abamisiri okuva mu mawanga gye
baasaasaanira,
14 era ndibakomyawo okuva mu busibe ne mbazza mu nsi ey'e Pasulo,
ensi eya bajjajjaabwe, era eyo baliba bwakabaka obwajeezebwa.
15 Bulisinga obwakaba bwonna okujeezebwa, so tebulyegulumiza nate
okusinga amawanga amalala. Ndiginafuyiza ddala, era tebalifuga nate
amawanga.
16 Misiri talyesigibwa nate abantu ba Isirayiri, naye eriba kijjukizo
eky'ekibi kubanga baabakyukira nga banoonya okuyambibwa. Olwo
balimanya nga nze MUKAMA Katonda.' "
17 Awo mu mwaka ogw'amakumi abiri mu omusanvu, mu mwezi
ogw'olubereberye ku lunaku olusooka mu mwezi, ekigambo kya MUKAMA
ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
18 "Omwana w'omuntu, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni
yaweereza eggye lye ne lirumba Ttuulo, buli mutwe ne gufuna ekiwalaata
ne buli kibegabega ne kimenyebwa, naye ye n'eggye lye ne bataweebwa
mpeera olw'okulumba Ttuulo.
19 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Nebukadduneeza kabaka w'e
Babulooni ndimuwa Misiri ne yeetikka obugagga bwe, n'abanyagira ddala
era y'eriba empeera ey'eggye lye.
20 Mmuwadde ensi ey'e Misiri okuba empeera ye gye yafubirira kubanga
ye n'eggye lye bankolera omulimu, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
21 "Ku lunaku olwo ndiyimusa ejjembe* ery'amaanyi mu nnyumba ya
Isirayiri, era ndiyasamya akamwa ko mu bo. Olwo balimanya nga nze
MUKAMA."

# 30

*Okukungubagira Misiri*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,

* **29:21** Ejjembe wano kitegeeza amaanyi

2 “Omwana w’omuntu, wa obunnabbi oyogere nti: ‘Bw’ati bw’ayogera
MUKAMA Katonda nti,
“ ‘Mwekaabireko mwogere nti,
“Zibasanze ku lunaku olwo”
3 kubanga olunaku luli kumpi,
olunaku lwa MUKAMA luli kumpi,
olunaku olw’ebire
eri bannaggwanga.
4 Ekitala kirirumba Misiri,
n’ennaku eribeera mu Buwesiyopya.
Bwe balifiira mu Misiri,
obugagga bwe bulitwalibwa
n’emisingi gyayo girimenyebwa.’
5 Obuwesiyopya, ne Puuti*, ne Luudi ne Buwalabu yonna, ne Kubu
n’abantu bonna ab’ensi ey’endagaano balittibwa ekitala awamu ne Misiri.
6 “ ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti,
“ ‘Abawagira Misiri baligwa,
n’amaanyi ge yeewaana nago galimuggwa.
Okuva ku mulongooti ogw’e Sevene
baligwa n’ekitala,
bw’ayogera MUKAMA Katonda.
7 Balirekebwawo
wakati mu nsi endala ezalekebwawo,
n’ebibuga byabwe
biribeera ebimu ku ebyo ebyasaanawo.
8 Olwo balimanya nga nze MUKAMA
bwe ndikuma ku Misiri omuliro,
n’ababeezi baayo bonna balibetentebwa.
9 “ ‘Ku lunaku olwo ndiweereza ababaka mu byombo okutiisatiisa
Obuwesiyopya buve mu bugayaavu bwabwo. Entiisa eribakwata ku
lunaku Misiri lwe linakuwala, kubanga entiisa erina okujja.

10 “ ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti,
“ ‘Ndimalawo ebibinja by’Abamisiri
nga nkozesa omukono gwa Nebukadduneeza kabaka w’e Babulooni.
11 Ye n’eggye lye, ensi esinga okuba enkambwe mu mawanga,
balireetebwa okuzikiriza ensi.
Baligyayo ebitala byabwe
ne bajjuza ensi ey’e Misiri emirambo.
12 Ndikaza emigga gya Kiyira,
ne ntunda ensi eri abantu ababi;
nga nkozesa bannaggwanga,
ndizikiriza ensi na buli kintu ekigirimu.
Nze MUKAMA nkyogedde.

13 “ ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti,
“ ‘Ndizikiriza bakatonda baabwe
ne nzikiriza bakatonda abakole n’emikono mu Noofu.
Temulibaamu mulangira mu nsi ey’e Misiri nate,
era ensi yonna ndigireetako entiisa.
14 Ndifuula Pasulo okuba amatongo,

* **30:5** Puuli ne Puuti bye bimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n’okutuukira ddala ku Somaliya

ne Zowani ndikikumako omuliro
ne mbonereza n'ab'omu No.
15 Ndifuka ekiruyi kyange ku Sini,
ekigo kya Misiri eky'amaanyi,
era ndimalawo n'ebibinja bya No.
16 Ndikuma omuliro ku Misiri,
ne Sini baliba mu bubalagaze bungi,
ne No balitwalibwa omuyaga,
ne Noofu baliba mu kubonaabona okw'olubeerera.
17 Abavubuka ab'e Oni n'ab'e Pibesesi
baligwa n'ekitala,
n'ebibuga biriwambibwa.
18 Enzikiza eriba ku Tapaneese emisana,
bwe ndimenya ekikoligo kya Misiri,
era n'amaanyi ge yeewaana nago galimuggwaamu.
Alibikkibwa n'ebire
era n'ebyalo bye biriwambibwa.
19 Bwe ntyo bwe ndibonereza Misiri,
bategeere nga nze MUKAMA.' "

20 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu, mu mwezi ogw'olubereberye
ku lunaku olw'omusanvu, ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba
nti,
21 "Omwana w'omuntu, mmenye omukono gwa Falaawo, ye kabaka w'e
Misiri, era laba tegusibiddwa okusiigako eddagala, n'okugussaako ekiwero
okugusiba, guleme okufuna amaanyi okukwata ekitala.
22 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Nnina ensonga ne Falaawo, ye
kabaka w'e Misiri, era ndimenya emikono gye, omulamu ogw'amaanyi
n'ogwo ogwamenyekako, ne nsuula ekitala okuva mu mukono gwe.
23 Ndisaasaanya Abamisiri mu mawanga ne mu nsi ennyingi.
24 Ndinyweza emikono gya kabaka w'e Babulooni ne nteeka ekitala mu
mukono gwe, naye ndimenya emikono gya Falaawo, era alisindira mu
maaso ga kabaka w'e Babulooni, ng'omuntu afumitiddwa anaatera okufa.
25 Ndinyweza emikono gya kabaka w'e Babulooni, naye emikono gya
Falaawo giriremala, balyoke bamanye nga nze MUKAMA. Nditeeka ekitala
mu mikono gya kabaka w'e Babulooni, n'akigololera ku nsi y'e Misiri.
26 Ndibunya Abamisiri mu mawanga ne mbasaasaanya ne mu nsi yonna,
era balimanya nga nze MUKAMA."

# 31

*Olugero olw'Omuvule gwa Lebanooni*

1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu, mu mwezi ogwokusatu ku lu-
naku olw'olubereberye, ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira
n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, tegeeza Falaawo, ye kabaka w'e Misiri
n'olufulube lw'abantu be nti,
" 'Ani ayinza okwegeraageranya naawe mu kitiibwa?
3 Tunuulira Obwasuli, ogwali omuvule mu Lebanooni,
nga gulina amatabi amalungi agaasiikirizanga ekibira;
ogwali omuwanvu ennyo,
nga guyitamu ne mu kasolya ak'ekibira.
4 Amazzi gaaguliisanga,
n'enzizi ezikka wansi ennyo ne ziguwanvuya,

n'emigga gyagyo
ne gigwetooloola wonna,
ne giweerezanga n'amatabi gaagyo
eri emiti gyonna egy'omu ttale.
5 Kyegwava gukula ne guwanvuwa
okusinga emiti gyonna egy'omu kibira,
n'amatabi gaagwo amanene
ne geeyongera obunene,
n'amatabi gaagwo amatono ne gawanvuwa
ne gasaasaana olw'obungi bw'amazzi.
6 Ebinyonyi byonna eby'omu bbanga
ne bizimba ebisu byazo mu matabi gaagwo amanene,
n'ensolo enkambwe ez'oku ttale
ne zizaaliranga wansi w'amatabi gaagwo,
n'amawanga gonna amakulu
ne gabeeranga wansi w'ekisiikirize kyagwo.
7 Gwali gwa kitalo mu bulungi bwagwo,
n'amatabi gaagwo amanene,
kubanga emirandira gyagwo
gyasima awali amazzi amangi.
8 Emivule egyali mu nnimiro ya Katonda
tegyayinza kuguvuganya,
newaakubadde emiberoosi okwenkana
n'amatabi gaagwo amanene;
n'emyalamooni nga tegifaanana
matabi gaagwo amatono,
so nga tewali muti mu nnimiro ya Katonda
ogugwenkana mu bulungi.
9 Nagulungiya n'amatabi amangi,
emiti gyonna egy'omu Adeni
egyali mu nnimiro ya Katonda
ne gigukwatirwa obuggya.

10 " 'Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti; Kubanga gwegulumiza, ne gwewanika waggulu okuyita mu kasolya ak'ekibira, ate ne guba n'amalala olw'obuwanvu bwagwo,

11 kyendiva nguwaayo mu mukono gw'omufuzi ow'amawanga agukole ng'obutali butuukirivu bwagwo bwe buli, era ngugobye.

12 Era bannaggwanga abasingirayo ddala obukambwe baagutema ne bagusuula. Amatabi gaagwo amanene gaagwa ku nsozi ne mu biwonvu byonna, n'amatabi gaagwo amatono ne gagwa nga gamenyese mu biwonvu byonna eby'ensi. N'amawanga gonna ag'oku nsi gaava wansi w'ekisiikirize kyagwo, ne gagulekawo.

13 Ebinyonyi byonna eby'omu bbanga ne bituula ku matabi agaagwa, era n'ensolo enkambwe ez'oku ttale zonna ne zibeera mu matabi gaagwo.

14 Kyewaliva walema okubaawo emiti okumpi n'amazzi egirikula ne giwanvuwa ne gyegulumiza n'okutuuka okuyita mu kasolya k'ekibira. Era tewalibaawo miti mirala egyafukirirwa obulungi egiriwanvuwa okutuuka awo, kubanga gyonna giweereddwayo eri okufa, okugenda emagombe, mu bantu abaabulijjo, n'abo abakka mu bunnya.

15 " 'Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti, Ku lunaku lwe gwaleetebwa wansi emagombe, enzizi zaagukaabira, era naziyiza n'emigga gyagwo, n'amazzi gaagwo amangi okukulukuta. Ku lulwe nayambaza Lebanooni obuyinike, n'emiti gyonna egy'oku ttale ne gikala.

16 Naleetera amawanga okukankana olw'eddoboozi ery'okugwa
kwagwo bwe naguserengesa emagombe n'abo abaserengeta wansi mu
bunnya. Olwo emiti gyonna egya Adeni, egy'amaanyi era egisingayo
obulungi egya Lebanooni emiti gyonna egyali gifukiriddwa obulungi
amazzi, ne gizzibwamu amaanyi wansi mu nsi.
17 Abo bonna ababeera mu kisiikirize kyagwo, n'amawanga agassanga
ekimu nabo, bakirira nabo emagombe ne beegatta ku abo abattibwa
n'ekitala.
18 " 'Muti ki mu gy'omu Adeni ogw'enkana naawe mu bukulu mu
kitiibwa kyo? Era naye, olisuulibwa wamu n'emiti egy'omu Adeni
n'oserengeta emagombe, n'ogalamira eyo wamu n'abatali bakomole,
n'abo abattibwa n'ekitala.
" 'Ono ye Falaawo n'ekibinja kye kyonna, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

## 32

*Okukungubagira Falaawo*

1 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri, mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku
lunaku olw'olubereberye, ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba
nti,
2 "Omwana w'omuntu, tandika okukungubagira Falaawo, ye kabaka w'e
Misiri, omutegeeze nti:
" 'Oli ng'empologoma mu mawanga,
ng'ogusota wakati mu nnyanja,
ng'owaguza mu migga gyo,
era ng'otabangula amazzi,
n'osiikuula n'emigga.
3 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Ndikusuulako akatimba kange,
ne nkusindikira ekibiina ky'abantu ekinene,
era balikuvuba n'akatimba kange.
4 Ndikusuula ku lukalu, ne nkuleka ku ttale,
era ebinyonyi byonna eby'omu bbanga birikukkako,
n'ensolo enkambwe zonna ez'omu nsi zirikulya
ne zikkusibwa.
5 Ndisaasaanya ennyama ey'omubiri gwo ku nsozi,
era ndijjuza ebiwonvu amagumba go.
6 Nditotobaza ensi n'omusaayi gwo
okutuukira ddala ku nsozi,
era ndijjuza zonna ennyama ey'omubiri gwo.
7 Bwe ndikusaanyaawo,
ndibikka eggulu
ne nfuula emmunyeenye zaakwo
okubaako ekizikiza;
8 Ndibikka omusana n'ekire, era n'omwezi tegulireeta kitangaala kyagwo.
Ebitangaala byonna eby'omu ggulu, ndibifuula enzikiza;
era n'ensi yo yonna ndigireetako enzikiza, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
9 Ndyeraliikiriza emitima gy'amawanga amangi,
bwe ndikuzikiriza mu mawanga,
ne mu nsi z'otomanyangako.
10 Amawanga mangi galijjula entiisa
era bakabaka baabwe balisasamala,

ng'obagalulira ekitala mu maaso gaabwe.
Ku lunaku olw'okugwa kwo,
buli omu ku bo alikankana,
era buli muntu aligezaako okuwonya obulamu bwe.
11 " 'Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
" 'Ekitala kya kabaka w'e Babulooni
kirikutabaala.
12 Nditta enkuyanja y'abantu bo
n'ekitala eky'abasajja abalwanyi abazira,
abasingirayo ddala obukambwe mu mawanga gonna.
Balimalawo amalala ga Misiri,
n'enkuyanja y'abantu be bonna balizikirizibwa.
13 Ndizikiriza amagana ge gonna ag'ente
okuva awali amazzi amangi,
era tewaliba n'omu alirinnyayo okubatabangula
newaakubadde ente okulinnyirirayo.
14 N'oluvannyuma nditeesa amazzi ge,
n'enzizi ze ne nzifuula ng'amafuta,
bw'ayogera MUKAMA Katonda.
15 Bwe ndizisa ensi ey'e Misiri,
ne ngiggyamu buli kantu akalimu,
ne nzita bonna ababeeramu,
balimanya nga nze MUKAMA.'
16 "Weewaawo kuno kwe kukungubaga kwe balikungubaga. Abawala
bannaggwanga balikungubagira Misiri n'enkuyanja y'abantu be bonna,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda.

17 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri, ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano mu
mwezi ogwo, ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
18 "Omwana w'omuntu, kaabirako ku nkuyanja y'abantu b'e Misiri,
obasindike emagombe ye n'abawala bannaggwanga abaayatiikirira, n'abo
abakka mu bunnya.
19 Babuuze nti, 'Olowooza gw'osinga okwagalibwa? Ggenda oteekebwe
n'abatali bakomole.'
20 Baligwa mu abo abattiddwa ekitala, era n'ekitala kisowoddwa, leka
atwalibwe n'enkuyanja y'abantu be.
21 Okuva emagombe abakulembeze ab'amaanyi balyogera ku Misiri ne
be yeekobaana nabo nti, 'baserengese, era bagalamidde awali abatali
bakomole, abattibwa n'ekitala.'
22 "Asuli ali eyo n'eggye lye lyonna; yeetooloddwa amalaalo
ag'abattibwa n'ekitala.
23 Amalaalo ge gali wansi mu bunnya, n'emirambo gy'eggye lye
gyetoolodde amalaalo ge. Abo bonna abaaleeta entiisa mu nsi ey'abalamu
battiddwa, bagudde n'ekitala.
24 "Eramu naye ali eyo, n'enkuyanja y'abantu be bonna beetoolodde
amalaalo ge. Bonna baafa, battibwa n'ekitala. Bonna abaaleeta entiisa
mu nsi ey'abalamu bakka emagombe nga si bakomole, be bagenda wansi
mu bunnya nga balina n'ensonyi.
25 Bamwalidde ekitanda wakati mu battibwa n'enkuyanja y'abantu
be bonna okwetooloola amalaalo ge. Bonna tebaali bakomole, era
battibwa n'ekitala kubanga baatiisatiisanga ensi ey'abalamu. Bajudde
ensonyi wamu n'abo abakka emagombe, era bagalamidde wakati mu abo
abattiddwa.

26 “Meseki ne Tubali nabo gye bali n’enkuyanja y’abantu baabwe era
beetoolodde amalaalo gaabwe. Bonna tebaali bakomole, era battibwa
n’ekitala kubanga baatiisatiisanga ensi ey’abalamu.
27 Tebaliziikibwa ng’abakungu, naye baliziikibwa ng’abasajja abalwanyi
abazira abatali bakomole, abaaserengeta emagombe n’ebyokulwanyisa
byabwe, abaatikkibwa ebitala byabwe ku mitwe gyabwe. Obutali
butuukirivu bwabwe bwali ku magumba gaabwe kubanga baaleeta entiisa
eri abasajja ab’amaanyi mu nsi ey’abalamu.
28 “Naawe ggwe Falaawo, olimenyebwa era olifiira wamu n’abatali
bakomole, abattibwa n’ekitala.
29 “Edomu naye ali eyo, bakabaka be n’abalangira be, newaakubadde
nga baamaanyi, emirambo gyabwe gigalamidde n’egya bali abattibwa
n’ekitala. Bagalamidde n’abatali bakomole mu bunnya.
30 “Abalangira bonna ab’omu bukiikakkono n’Abasidoni bonna nabo
bali eyo; baaziikibwa mu nsonyi n’abattibwa newaakubadde nga baakola
eby’entiisa nga be balina obuyinza. Bagalamidde nga si bakomole wamu
n’abattibwa n’ekitala, nga balina ensonyi n’abo abakka emagombe.
31 “Era Falaawo, bw’alibalaba, alyekubagiza olw’eggye lye eryattibwa
n’ekitala, bw’ayogera Mukama Katonda.
32 Newaakubadde nga namukozesa okutiisatiisa ensi ey’abalamu
Falaawo n’enkuyanja y’abantu be baligalamira mu batali bakomole,
n’abattibwa n’ekitala, bw’ayogera Mukama Katonda.”

# 33

*Ezeekyeri Omukuumi wa Isirayiri*

1 Ekigambo kya Mukama Katonda ne kinzijira nate n’aŋŋamba nti,
2 “Omwana w’omuntu yogera eri abantu obategeeze nti, ‘Bwe ndirumba
ensi n’ekitala, abantu ab’omu nsi ne baddira omu ku bo ne bamufuula
omukuumi waabwe,
3 n’alaba ekitala nga kijja eri ensi, n’afuuwa ekkondeere ng’alabula
abantu,
4 awo omuntu yenna bw’aliwulira ekkondeere n’atalabuka ekitala bwe
kirijja ne kigyawo obulamu bwe, omusaayi gwe guliba ku mutwe gwe ye.
5 Kubanga yawulira ekkondeere n’atalabuka, omusaayi gwe kyeguliva
gubeera ku mutwe gwe ye. Singa yakola nga bwe yalabulwa yandi-
wonyezza obulamu bwe.
6 Naye omukuumi bw’alaba ekitala nga kijja n’atafuuwa kkondeere
okulabula abantu, ekitala ne kijja ne kigyawo obulamu bw’omu ku bo,
omuntu oyo aliggyibwawo olw’obutali butuukirivu bwe, naye omusaayi
gwe ndiguvunaana omukuumi.’
7 “Omwana w’omuntu, nkufudde omukuumi ow’ennyumba ya Isirayiri,
Noolwekyo wulira kye nkugamba, obalabule.
8 Bwe ŋŋambanga omukozi w’ebibi nti, ‘Ggwe omwonoonyi, mazima
olifa,’ n’otoyogera okumulabula okuleka ekkubo lye, omwonoonyi oyo
alifa olw’ebibi bye, naye omusaayi gwe ndiguvunaana gwe.
9 Naye bw’olabulanga omwonoonyi okuleka ekkubo lye, n’ajeema,
alifiira mu bibi bye, naye ggwe oliba olokodde obulamu bwo.
10 “Omwana w’omuntu, tegeeza ennyumba ya Isirayiri nti, Mwogera nti,
‘Okusobya kwaffe n’okwonoona kwaffe kutuzitoowerera, era tuyongobera
mu kwo, tuyinza tutya okuwona?’

11 Bategeeze nti, 'Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda,
sisanyukira kufa kw'abakozi ba bibi, wabula bo okukyuka ne bava mu
kkubo lyabwe ebbi ne baba balamu. Mukyuke, mukyuke okuva mu
makubo gammwe amabi. Lwaki mufa, mmwe ennyumba ya Isirayiri?'
12 "Kale nno, omwana w'omuntu kyonoova otegeeza abantu bo
nti, 'Obutuukirivu obw'omutuukirivu tebulimuwonyesa bw'alijeema,
era n'obutali butuukirivu bw'atalina butuukirivu tebulimuzikiriza
bw'alikyuka n'abuleka. Omuntu omutuukirivu, bw'aliyonoona, taliba
mulamu olw'obutuukirivu bwe obw'emabega.'
13 Bwe ndigamba omutuukirivu nga mazima ddala aliba mulamu, naye
ne yeesiga obutuukirivu bwe n'ayonoona, tewaliba ne kimu ku bikolwa
eby'obutuukirivu bye yakola ebirijjukirwa, naye mu butali butuukirivu
bwe bw'akoze omwo mw'alifiira.
14 Ate bwe ndigamba omwonoonyi nti, 'Mazima ddala olifa,' naye
n'akyuka okuleka ebibi bye, n'akola ebyalagirwa era ebituufu,
15 era bw'alisasula ebbanja lye, n'azaayo ne bye yabba, n'atambulira mu
mateeka agaleeta obulamu, n'atayonoona, mazima ddala aliba mulamu,
talifa.
16 Tewaliba ne kimu ku bibi bye yakola ebirijjukirwa eri ye; aliba akoze
ebyalagirwa era ebituufu, era aliba mulamu.
17 "Naye ate abantu ab'ensi yo boogera nti, Ekkubo lya Mukama si lya
bwenkanya, so nga ate ekkubo lyabwe lye litali lya bwenkanya.
18 Omuntu omutuukirivu bw'alikyuka okuva mu butuukirivu bwe
n'akola ebibi, alifa olw'ebibi bye.
19 Ate omukozi w'ebibi bw'alikyuka okuleka obutali butuukirivu bwe
n'akola ebyalagirwa era ebituufu, aliba mulamu olw'ebyo by'akoze.
20 Naye mmwe ennyumba ya Isirayiri ne mwogera nti, 'Ekkubo lya
Mukama si lya bwenkanya.' Naye ndibasalira omusango buli muntu
amakubo ge nga bwe gali."

### *Okugwa kwa Yerusaalemi Kunnyonnyolwa*

21 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri nga tuli mu buwaŋŋanguse, mu
mwezi ogw'ekkumi ku lunaku olwokutaano, omusajja kaawonawo n'ava
e Yerusaalemi n'ajja okuntegeeza nti, "Ekibuga kiwambiddwa."
22 Naye akawungeezi nga kaawonawo tannatuuka, omukono gwa
MUKAMA gwali gunziseeko, ng'asumuludde akamwa kange, omusajja
n'alyoka atuuka enkeera. Nnali ntandise okwogera nga sikyali kasiru.
23 Awo ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
24 "Omwana w'omuntu, abatuuze ab'omu matongo ago mu nsi ya
Isirayiri, boogera nti, 'Obanga Ibulayimu yali muntu omu n'agabana ensi,
naffe abangi, tuligabana.'
25 Noolwekyo bategeeze nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda
ow'eggye nti, Bwe muba nga mulya ennyama erimu omusaayi, ne
musinza bakatonda bammwe abalala, ne muyiwa omusaayi, musaanidde
okugabana ensi?
26 Mwesiga ekitala, ne mukola eby'ekivve, buli musajja n'ayenda ku
muka muliraanwa we. Kale munaayinza mutya okugabana ensi?'
27 "Bagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti: Nga bwe ndi
omulamu, abaasigalawo mu bifulukwa balittibwa n'ekitala, n'abo abaliba
ku ttale balitaagulwataagulwa ensolo enkambwe, n'abo abaliba beekwese
mu biro ebinywevu ne mu mpuku balifa kawumpuli.

28 Era ensi ndigifuula amatongo era etaliimu mugaso, era n'amaanyi ge
yeewaana nago galikoma, era n'ensozi za Isirayiri ziryabulirwa, ne wataba
n'omu azitambulirako.
29 Olwo balimanya nga nze MUKAMA Katonda, bwe ndifuula ensi okuba
amatongo era etaliimu mugaso olw'ebikolwa eby'ekivve bye bakoze.'
30 "Naawe ggwe omwana w'omuntu, abatuuze ab'omu ggwanga lyo
abatuula ku Bbugwe ne mu nzigi ez'amayumba bagambagana nti, 'Mujje
tuwulire ekigambo ekiva eri MUKAMA Katonda,'
31 abantu bange nga bwe batera okukola, ne bawulira byoyogera naye
ne batabikola, ne boolesa okwagala kwabwe n'emimwa gyabwe, naye
ng'emitima gyabwe gigoberera amagoba gaabwe,
32 laba gye bali oli ng'omuntu ayimba oluyimba olw'okwagala mu
ddoboozi eddungi, era amanyi okukuba obulungi ennanga, kubanga
bawulira ebigambo byo naye ne batabissamu nkola.
33 "Bino byonna bwe birituukirira, era bijja kutuukirira, kale balimanya
nga nnabbi abadde mu bo."

# 34

### *Abasumba n'Endiga*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, yogera ebyobunnabbi eri abasumba ba Isirayiri,
obagambe nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Zibasanze
abasumba ba Isirayiri abeefaako bokka. Abasumba tebasaanye kuliisa
ndiga?
3 Mulya amasavu, ne mwambala ebyoya, ne mutta ensolo ensava, naye
temufaayo ku bisibo.
4 Ennafu temuzizzaamu maanyi, so n'endwadde temuzijjanjabye, so
n'ezirumizibbwa temusibye biwundu byazo, so n'ezibuze temuzikomez-
zaawo, naye muzifuze n'amaanyi.
5 Kyezaava zisaasaana, kubanga tezaalina musumba, ne ziba kya kulya
eri ensolo enkambwe zonna ez'omu nsiko.
6 Endiga zange zaasaasaana, ne zibuna ku nsozi zonna na ku buli kasozi
akawanvu, ne zisaasaana okubuna ensi yonna, ne zibulwako azinoonya
wadde okuzibuuliriza.
7 " 'Noolwekyo mmwe abasumba, muwulire ekigambo kya MUKAMA:
8 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda, olw'endiga
zange okufuuka omuyiggo, n'ekyokulya eri ensolo enkambwe zonna,
kubanga tezirina musumba, ate era n'abasumba ne batazinoonya, naye
ne beefaako bokka, ne bataliisa ndiga zange,
9 kale mmwe abasumba muwulire ekigambo kya MUKAMA.
10 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nnina ensonga ku basumba,
era ndibavunaana olw'ekisibo kyange. Ndibaggyako okulabirira endiga
mulekeraawo okuzifuula ekyokulya. Ndiwonya endiga zange mu kamwa
kaabwe, zireme okuba ekyokulya kyabwe.
11 " 'Era bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nze kennyini ndi-
noonya endiga zange ne nzirabirira.
12 Ng'omusumba bw'alabirira ekisibo kye ng'ezimu ku ndiga
zisaasaanye okumuvaako, bwe ntyo bwe ndizirabirira. Ndiziggya mu
bifo byonna gye zaasaasaanira ku lunaku olw'ebire olw'ekizikiza.

13 Ndiziggya mu mawanga ne nzikuŋŋaanya mu nsi gye zaasaasaanira
ne nzikomyawo mu nsi yaazo. Ndiziriisiza ku nsozi za Isirayiri okumpi
n'enzizi ne mu bifo byonna ebibeerwamu mu nsi.
14 Ndizirabiririra mu ddundiro eddungi ne ku ntikko z'ensozi za Isirayiri
we zirirundirwa. Eyo gye zirigalamira mu ddundiro eddungi era gye
ziririiira omuddo omugimu ku nsozi za Isirayiri.
15 Nze kennyini ndirabirira endiga zange, ne nzigalamiza wansi
mirembe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
16 Ndinoonya ezaabula, ne nkomyawo ezaawaba. Ndigyanjaba ezaalu-
mizibwa, ne ŋŋumya ennafu, naye ensava era ez'amaanyi ndizizikiriza.
Ndirunda ekisibo mu bwenkanya.
17 " 'Nammwe ekisibo kyange, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
Ndisala omusango wakati w'endiga emu ne ginnaayo ne wakati w'endiga
ennume n'embuzi.
18 Tekibamala okulya omuddo? Kale ate lwaki mulinnyirira ogusigad-
dewo mu ddundiro, nga n'okunywa mwanywa amazzi amayonjo, naye ne
musiikuula agaasigalawo n'ebigere byammwe!
19 Olwo endiga zange zirye bye mwalinnyirira n'okunywa zinywe
amazzi ge mwasiikuula n'ebigere byammwe?
20 " 'MUKAMA Katonda kyava abagamba nti, Laba, nze kennyini ndisala
omusango wakati w'endiga ensava n'endiga enkovvu.
21 Kubanga mwewaana nga muyimusa ebifuba ne musindikiriza ennafu
zonna ne muzitomera n'amayembe gammwe okutuusa lwe muzifulumya
ebweru,
22 ndiwonyawo ekisibo kyange so teziriba nate muyiggo. Ndisala
omusango mu bwenkanya wakati w'endiga n'endiga.
23 Ndiziwa omusumba omu, omuweereza wange Dawudi, alizirunda;
alizirabirira era aliba musumba waabwe.
24 Nze MUKAMA ndiba Katonda waabwe, n'omuddu wange Dawudi aliba
mulangira mu bo. Nze MUKAMA njogedde.
25 " 'Ndikola endagaano yange ezisuubiza emirembe, era ndigoba mu
nsi ensolo enkambwe, zibeerenga mu ddungu era zeebakenga mu bibira
mirembe nga tezirumbibwa.
26 Ndiziwa omukisa wamu n'ebifo ebyetoolodde akasozi kange,
era ndibatonnyeseza enkuba mu ntuuko yaayo; walibaawo enkuba
ey'omukisa.
27 Emiti egy'omu ttale girireeta ebibala byagyo, n'ettaka lirimeza
ebimera byalyo, era n'abantu balituula mirembe mu nsi yaabwe. Bali-
manya nga nze MUKAMA bwe ndimenya ebisiba eby'ekikoligo kyabwe ne
mbawonya mu mukono gwabwo abaabafuula abaddu.
28 Teziriba munyago nate eri amawanga, so n'ensolo enkambwe teziriz-
itaagulataagula. Zirituula mirembe so tewaliba muntu n'omu azitiisatiisa.
29 Ndiziwa ensi emanyiddwa olw'ebirime byayo, zireme okulumwa
enjala nate mu nsi newaakubadde okunyoomebwa amawanga.
30 Era zirimanya nga nze MUKAMA Katonda waazo, ndi wamu nazo, era
nga zo, ennyumba ya Isirayiri, bantu bange, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
31 Mmwe ndiga zange, endiga ez'eddundiro lyange, muli bantu bange,
era nze ndi Katonda wammwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "

# 35

*Obunnabbi ku Edomu*

1 Ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
2 "Omwana w'omuntu, tunuulira olusozi Seyiri owe obunnabbi,
3 oyogere nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nkulinako ensonga, olusozi Seyiri, era ndikugolererako omukono gwange ne nkufuula amatongo.
4 Ndifuula ebibuga byo okuba ebifulukwa era olifuuka matongo, omanye nga nze MUKAMA.'
5 " 'Kubanga wasiba ekiruyi eky'edda n'owaayo Abayisirayiri okuttibwa mu biro mwe baalabira ennaku, mu biro eby'okubonerezebwa kwabwe okwenkomerero,
6 nga bwe ndi omulamu, kyendiva mbawaayo muttiŋŋane era okuttiŋŋana kulibalondoola, bw'ayogera MUKAMA Katonda. Kubanga temwakyawa kuyiwa musaayi, okuyiwa omusaayi kyekuliva kubalondoola.
7 Ndifuula olusozi Seyiri okuba amatongo, ne nsalako abo bonna abajja n'abagenda.
8 Ndijjuza ensozi zo abafu, n'abattiddwa ekitala baligwa ku busozi bwo, ne mu biwonvu byo, ne mu migga gyo.
9 Ndikufuula matongo emirembe gyonna, so tewaliba alibeera mu bibuga byo, olyoke omanye nga nze MUKAMA.
10 " 'Mwalowooza nga amawanga ga Yuda ne Isirayiri gammwe, era ne mulowooza okugeetwalira. Naye nze ndi MUKAMA waabwe,
11 era nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, ndibabonereza olw'obusungu n'obuggya bye mwabalaga nga mubakyawa, balyoke bammanye, mmwe bwe ndibasalira omusango.
12 Oluvannyuma olimanya nga nze MUKAMA mpulidde byonna eby'obunyoomi bye wayogera eri ensozi za Isirayiri. Nagamba nti, "Bafuuse matongo, era baweereddwayo gye tuli okubamalawo."
13 Wanneewanirako, n'oteekuma, kyokka ne nkuwulira.
14 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Ensi yonna bw'eriba esanyuka, gwe ndikufuula matongo.
15 Olw'okuba nga wasanyuka, omugabo gw'ennyumba ya Isirayiri bwe gwafuuka amatongo nange bwe ntyo bwe ndikukola. Ggwe olusozi Seyiri ne Edomu yonna mulifuuka matongo, mulyoke mumanye nga nze MUKAMA.' "

# 36

*Obunnabbi eri Ensozi za Isirayiri*

1 "Omwana w'omuntu, yogera obunnabbi eri ensozi za Isirayiri, ogambe nti, Mmwe ensozi za Isirayiri, muwulire ekigambo kya MUKAMA.
2 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, omulabe yayogera nti, 'Otyo, ensozi ez'edda kaakano zaffe.'
3 Kyemwava muwa obunnabbi ne mwogera nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Kubanga baabacocca ne babayigganya enjuuyi zonna amawanga amalala ne gabeetwalira, era ne mufuuka eky'okwogerwako era ne baboogerako eby'obulimba,
4 kyemunaava muwulira ekigambo kya MUKAMA Katonda mmwe ensozi za Isirayiri: Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti eri ensozi n'obusozi, n'eri enzizi n'ebiwonvu, n'eri ebifulukwa n'ebibuga ebyafuuka amatongo ebyanyagibwa ne bifuuka eby'okusekererwa eri amawanga gonna okwetooloola

5 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti; Njogerera mu busungu
bwange obungi eri amawanga amalala n'eri Edomu yonna, abajjula
okusanyuka n'ettima mu mitima gyabwe, ne baddira ensi yange ne
bagifuula eyaabwe banyage obugagga bwayo.'
6 Kyonoova owa obunnabbi eri ensi ya Isirayiri n'oyogera eri ensozi
n'obusozi, n'eri enzizi n'ebiwonvu nti, bw'ati bw'ayogera MUKAMA
Katonda nti, Njogera nga nzijudde obuggya n'obusungu kubanga mwasek-
ererwa nnyo amawanga.
7 MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Ndayira nti amawanga agabee-
toolodde nago galisekererwa.
8 " 'Naye mmwe ensozi za Isirayiri mulireeta amatabi gammwe ne
mubalira abantu bange Isirayiri ebibala byammwe kubanga banaatera
okudda ewaabwe.
9 Mbalumirwa era ndibatunuulira n'ekisa, era abalimi balikabala ettaka
lyammwe ne basigamu ensigo,
10 era ndibaaza mmwe, ennyumba yonna eya Isirayiri. Ebibuga
birituulwamu, n'ebyali ebifulukwa biriddaabirizibwa.
11 Ndyaza abantu n'ensolo, era abantu balyeyongera n'ensolo ne
zeeyongera. Ndibazzaayo mu bifo byammwe eby'edda, era ndibakolera
ebirungi ebisingawo ku bye nabakolera, mulyoke mumanye nga nze
MUKAMA.
12 Ndikkiriza abantu bange, Isirayiri babatambulireko, era balibeddiza,
nammwe muliba mugabo gwabwe nga temukyaddamu kubaggyako baana
baabwe.
13 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Kubanga abantu babooger-
ako nti, "Musaanyaawo abantu ne mumalawo ezzadde lye ggwanga
lyammwe,"
14 kyemuliva mutaddayo kusaanyaawo bantu newaakubadde okuba-
malako ezzadde ly'eggwanga lyo, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
15 Toliwulira nate okusekererwa kw'amawanga newaakubadde okuny-
oomebwa wadde eggwanga lyo okugwa, bw'ayogera MUKAMA Katonda.' "
16 Nate ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira n'aŋŋamba nti,
17 "Omwana w'omuntu, abantu ba Isirayiri bwe baaberanga mu
nsi yaabwe, baagyonoona olw'empisa zaabwe n'ebikolwa byabwe, era
n'ebikolwa byabwe byali ng'obutali bulongoofu obw'omukazi mu biseera
bye.
18 Olw'omusaayi gwe baayiwa mu nsi, ate n'olw'okusinza bakatonda
abalala kwe beeyonoonyesa, kyennava mbayiwako ekiruyi kyange.
19 Naye mbasaasaanyiza mu mawanga, ne basaasaana mu nsi. Era
nabasalira omusango ng'empisa zaabwe n'ebikolwa byabwe bwe byali.
20 Buli gye baagendanga mu mawanga baaswazanga erinnya lyange
ettukuvu, kubanga kyayogerwanga nti, 'Bano bantu ba MUKAMA, naye
baagobebwa mu nsi ye.'
21 Nafaayo ku linnya lyange ettukuvu, ennyumba ya Isirayiri lye yaswaza
mu mawanga gye baagenda.
22 "Kale nno gamba ennyumba ya Isirayiri nti, 'Bw'ati bw'ayogera
MUKAMA Katonda nti: Ggwe ennyumba ya Isirayiri bino sibikola ku lulwo,
naye ku lw'erinnya lyange ettukuvu lye mwavumisa mu mawanga gye
mwagenda.
23 Ndiraga obutukuvu bw'erinnya lyange ekkulu, eryavumisibwa mu
mawanga, erinnya lye mwavumisa mu bo, era amawanga galimanya nga

nze MUKAMA, bw'ayogera MUKAMA Katonda, bwe ndyolesa obutukuvu bwange mu mmwe mu maaso gaabwe.
24 " 'Ndibaggya mu mawanga ne mbakuŋŋaanya okuva mu nsi zonna ne mbakomyawo mu nsi yammwe.
25 Ndibamaansirako amazzi amayonjo, era ndibaggyako obutali bulongoofu bwammwe bwonna n'okuva ku bakatonda abalala bonna, ne mbafuula abalongoofu.
26 Ndibawa omutima omuggya era ne nteeka n'omwoyo omuggya mu mmwe. Ndibaggyamu omutima ogw'ejjinja ne mbawa omutima ogw'ennyama.
27 Era ndibawa Omwoyo wange alibakubiriza okugoberera ebiragiro byange n'okukuuma obulungi amateeka gange.
28 Mulibeera mu nsi gye nawa bajjajjammwe, nammwe mulibeera bantu bange, nange ne mbeera Katonda wammwe.
29 Ndibalokola mu butali bulongoofu bwammwe bwonna, era nditumya emmere ey'empeke ne ngyaza nnyo muleme okulumwa enjala.
30 Ndyaza ebibala eby'oku miti n'ebimera eby'omu nnimiro, nga temukyasekererwa nate mu mawanga olw'enjala.
31 Olwo mulijjukira amakubo gammwe amabi n'ebikolwa byammwe ebitali birungi, era mulyetamwa olw'ebibi byammwe n'olw'ebikolwa byammwe eby'emizizo.
32 Mukimanye ng'ebyo sibikola ku lwammwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda. Muswale olw'ebikolwa byammwe, mmwe ennyumba ya Isirayiri.
33 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti: Ku lunaku lwe ndibanaalizaako ebibi byammwe byonna, abantu balidda mu bibuga byammwe n'ebifulukwa biriddaabirizibwa.
34 Ensi eyazika eririmibwa, ereme kuba nga bwe yali mu maaso gaabo bonna abaagiyitangamu.
35 Balyogera nti, "Ensi eno eyali ezise, kaakano efuuse ng'ennimiro Adeni, n'ebifulukwa n'ebibuga ebyali bifuuse amatongo, kaakano mulimu ababibeeramu, era biriko ne bbugwe."
36 Olwo n'amawanga agaasigalawo agabeetoolodde galimanya nga nze MUKAMA, naddaabiriza ebyayonoonebwa, n'ennimiro n'ebyali bizise. Nze MUKAMA nkyogedde, era ndikituukiriza.'
37 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti: Nate ndiwuliriza ennyumba ya Isirayiri ne mbakolera kino, era ndyaza abantu baabwe babeere bangi ng'ekisibo ky'endiga.
38 Balyala ng'ebisibo eby'endiga ez'okuweebwayo e Yerusaalemi ku mbaga ezaalagirwa, era n'ebibuga ebyali amatongo ndibijjuza ebibinja by'abantu. Kale balimanya nga nze MUKAMA."

# 37

*Ekiwonvu eky'Amagumba Amakalu*

1 Omukono gwa MUKAMA gwali ku nze, Mwoyo wa MUKAMA n'anfulumya, n'andeeta wakati mu kiwonvu ekyali kijjudde amagumba.
2 N'agannaambuza, ne ndaba amagumba mangi, amakalu ennyo wansi mu kiwonvu.
3 N'ambuuza nti, "Omwana w'omuntu, amagumba gano gayinza okuba amalamu?"
Ne nziramu nti, "Ggwe Ayi MUKAMA Katonda, ggwe wekka gw'omanyi."

4 Awo n’aŋŋamba nti, “Wa obunnabbi ku magumba gano, oyogere nti,
‘Mmwe amagumba amakalu, muwulire ekigambo kya Mukama!
5 Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda eri amagumba gano nti, Laba
ndibateekamu omukka ne mufuuka abalamu.
6 Ndibateekako ebinywa n’ennyama ne mbabikkako n’olususu; ndiba-
teekamu omukka, ne mufuuka abalamu. Olwo mulimanya nga nze
Mukama.’ ”
7 Awo ne njogera nga bwe nalagirwa. Awo bwe nnali nga njogera,
ne waba eddoboozi, ng’ebintu ebikubagana, amagumba ne geegatta, buli
limu ku linnaalyo.
8 Ne ntunula, ebinywa n’ennyama ne birabika ku go, n’olususu ne
luddako, naye temwali mukka.
9 Awo n’aŋŋamba nti, “Wa obunnabbi eri omukka; yogera omwana
w’omuntu, ogambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda nti, Ggwe
omukka vva eri empewo ennya, oyingire mu battibwa, babe balamu.’ ”
10 Ne mpa obunnabbi nga bwe yandagira, omukka ne gubayingiramu ne
balamuka, ne bayimirira, era ne baba eggye ddene nnyo.
11 Awo n’aŋŋamba nti, “Omwana w’omuntu, amagumba gano ye
nnyumba yonna eya Isirayiri. Boogera nti, ‘Amagumba gaffe gaakala era
n’essuubi lyaffe lyaggwaawo, twasalibwako.’
12 Kyonoova owa obunnabbi gye bali n’oyogera nti, ‘Bw’ati bw’ayogera
Mukama Katonda nti, Mmwe abantu bange, ndyasamya amalaalo
gammwe ne mbazuukiza, era ndibakomyawo mu nsi ya Isirayiri.
13 Kale mulimanya nga nze Mukama, era nga nammwe muli bantu
bange, bwe ndyasamya amalaalo gammwe ne mbazuukiza.
14 Ndibateekamu Omwoyo wange era muliba balamu; ndibateeka mu nsi
yammwe mmwe ne mutuula omwo, mulyoke mumanye nga nze Mukama
nkyogedde, era nkikoze, bw’ayogera Mukama Katonda.’ ”

### *Eggwanga Limu Lifugibwa Kabaka Omu*

15 Awo ekigambo kya Mukama Katonda ne kinzijira n’aŋŋamba nti,
16 “Omwana w’omuntu ddira omuggo owandiikeko nti, ‘Guno gwa
Yuda n’Abayisirayiri abakolagana nabo.’ Oddire n’omuggo omulala
owandiikeko nti, ‘Guno muggo gwa Efulayimu owa Yusufu n’ennyumba
ya Isirayiri yonna, bwe bakolagana.’
17 Bagatte bafuuke omuggo gumu, bafuuke omuntu omu mu mukono
gwo.
18 “Awo abantu bo bwe bakubuuzanga nti, ‘Amakulu ga bino kye ki?’
19 Obategeezanga nti, Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda nti, ‘Ndiddira
omuggo gwa Yusufu oguli mu mukono gwa Efulayimu, n’ebika bya
Isirayiri n’abo bwe bakolagana, ne mbigatta ku muggo gwa Yuda, bafuuke
omuntu omu mu mukono gwange.’
20 Balage emiggo gy’owandiiseeko,
21 obagambe nti, ‘Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda nti, Ndiggya
Abayisirayiri mu mawanga gye baagenda. Ndibakuŋŋaanya okuva
wonna, ne mbakomyawo mu nsi yaabwe.
22 Ndibafuula eggwanga limu mu nsi, ku nsozi za Isirayiri. Balifugibwa
kabaka omu, tebaliddayo kubeera mawanga abiri, wadde okwawulibwa
mu bwakabaka obubiri.
23 Tebaliddayo kweyonoonyesa ne bakatonda abalala, ebintu ebikole
obukozi n’emikono eby’ekivve, wadde okweyonoonyesa mu bibi byabwe.

Ndibawonya okuva mu bifo byonna gye beeyonoonyesa, ndibafuula abalongoofu, muliba bantu bange, nange ndiba Katonda wammwe.
24 “ ‘Omuweereza wange Dawudi alibeera kabaka waabwe, era bonna
baliba n’omusumba omu. Baligoberera amateeka gange, babeere beegendereza okukwata ebiragiro byange.
25 Balibeera mu nsi gye nawa omuweereza wange Yakobo, ensi bajjajjammwe mwe baabeeranga.
Bo n’abaana baabwe, balibeera omwo ennaku zonna, era Dawudi omuweereza wange alibeera mulangira waabwe emirembe gyonna.
26 Ndikola endagaano yange ebawa emirembe, eriba ndagaano ey’olubeerera.
Ndibanyweza ne mbaaza, era nditeeka ekifo kyange eky’okubeeramu wakati mu bo emirembe gyonna.
27 Ekifo kyange eky’okubeeramu kinaabeeranga mu bo.
Nnaabeeranga Katonda waabwe nabo banaabeeranga bantu bange.
28 Amawanga galimanya nga nze MUKAMA Katonda, nze ntukuza Isirayiri; ekifo kyange eky’okubeeramu kiri mu bo emirembe gyonna.’ ”

# 38

*Obunnabbi eri Googi*

1 Ekigambo kya MUKAMA Katonda ne kinzijira n’aŋŋamba nti,
2 “Omwana w’omuntu tunuuliza amaaso go eri Googi ow’omu nsi ya Magoogi, omulangira omukulu owa Meseki ne Tubali, owe obunnabbi gy’ali,
3 oyogere nti, ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, Nkulinako ensonga ggwe Googi omulangira omukulu owa Meseki ne Tubali.
4 Ndikwetoolooza, ne nteeka amalobo mu mba zo, era ndibakulembera n’eggye lyo lyonna, n’embalaasi n’abeebagala embalaasi, bonna nga bambadde ebyokulwanyisa mu kibinja ekinene ekirina engabo ennene n’entono, nga bakutte n’ebitala.
5 Obuperusi, ne Kuusi ne Puuti* balibeera wamu nabo, bonna nga balina engabo n’enkuufiira;
6 era ne Gomeri n’eggye lye lyonna, n’ennyumba ya Togaluma okuva mu bukiikakkono obw’ewala ddala n’eggye lyabwe lyonna, amawanga mangi nga gali wamu nammwe.
7 “ ‘Weeteeketeeke beera bulindaala ggwe n’ekibinja kyonna ekikwetoolodde; obaduumire.
8 Oluvannyuma olw’ennaku ennyingi mulikuŋŋaanyizibwa era mu myaka egy’oluvannyuma mulirumba ensi eyaakava mu lutalo, ensi abantu mwe baakuŋŋanyizibwa okuva mu mawanga amangi ku nsozi za Isirayiri ezalekebwawo.
Abantu baayo baggyibwa mu mawanga, kaakano bonna batudde mirembe.
9 Ggwe n’eggye lyo lyonna n’amawanga agali awamu naawe, muliyambuka mubalumbe, era mulibalumba ng’omuyaga, era muliba ng’ekire ekibisse ku nsi.
10 “ ‘Bw’ati bw’ayogera MUKAMA Katonda nti, Ku lunaku olwo ebirowoozo biribajjira ne muteesa okukola akabi.
11 Muligamba nti, “Ndirumba ensi ey’ebyalo ebitaliiko nkomera, ndirumba eggwanga erijjudde emirembe era eriteeteeseteese, bonna

* 38:5 Puuli ne Puuti ye bimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n’okutuukira ddala ku Somaliya

nga babeera mu bigango okutali nkomera newaakubadde ebyuma
eby'amaanyi.
12 Ndibba ne nnyaga ne nnumba ebifo ebyazika, kaakano ebibeeramu
abantu, abantu abaakuŋŋaanyizibwa okuva mu mawanga ag'enjawulo
gye babeera, abalina obugagga bw'ente n'ebintu ebirala, ababeera wakati
mu nsi."
13 Seeba ne Dedani n'abasuubuzi ab'e Talusiisi n'ab'ebyalo bye bonna
balibabuuza nti, "Muzze kunyaga? Mukuŋŋaanyizza ebibinja byammwe
mutunyage, mutwale effeeza yaffe ne zaabu yaffe, n'ebisolo byaffe
n'ebintu byaffe ebirala, mutwale omunyago omunene?" '
14 "Noolwekyo omwana w'omuntu kyonoova owa obunnabbi, n'ogamba
Googi nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Ku lunaku olwo
abantu bange Isirayiri bwe baliba ng'abatudde mirembe, temulikiraba?
15 Olijja okuva mu kifo kyo mu bukiikakkono obuli ewala ennyo, ggwe
n'amawanga mangi wamu naawe, bonna nga beebagadde embalaasi,
enkuyanja y'abantu, era eggye eddene.
16 Mulitabaala abantu bange Isirayiri ng'ekire ekibikka ku nsi. Era mu
nnaku ez'oluvannyuma ndikulinnyisa n'olumba ensi yange, ggwe Googi,
amawanga gamanye. Era ndyolesa obutukuvu bwange mu maaso gaabwe.
17 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Si mmwe be nayogerako
edda nga mpita mu baddu bange bannabbi ba Isirayiri, abaawa obunnabbi
mu biro ebyo okumala ebbanga, nga ŋŋenda kubasindika mubalumbe?
18 Naye ku lunaku olwo, Googi bw'alirumba ensi ya Isirayiri, ndiraga
obusungu bwange, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
19 Mu buggya bwange ne mu busungu bwange nnangirira nga njogera
nti walibaawo musisi ow'amaanyi mu nsi ya Isirayiri;
20 n'ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n'ennyonyi ez'omu bbanga, n'ensolo
enkambwe ez'omu nsiko, ne buli kyewalulira ku ttaka, n'abantu bonna
abali ku nsi balikankana olw'okujja kwange. Ensozi zirisuulibwa
n'ebbanga liribulunguka, ne buli bbugwe aligwa ku ttaka.
21 Nditumira Googi ekitala okuva mu nsozi zange zonna, bw'ayogera
MUKAMA Katonda, era buli muntu alirwana ne muganda we.
22 Ndibabonereza ne kawumpuli n'okuyiwa omusaayi, era nditonnyesa
amatondo ag'enkuba amanene nga mulimu omuzira n'omuliro ku ye,
n'eggye lye ne ku mawanga amangi agaamwegattako.
23 Olwo ndyolesa obukulu bwange n'obutukuvu bwange, era ndyeraga
eri amawanga mangi, ne balyoka bamanya nga Nze MUKAMA Katonda.' "

# 39

1 "Omwana w'omuntu, wa obunnabbi ku Googi oyogere nti, 'Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Nkulinako ensonga ggwe Googi, omu-
langira omukulu owa Meseki ne Tubali.
2 Ndikukyusa nkukulule, era ndikuggya mu bukiikakkono obw'ewala ne
nkutuma eri ensozi za Isirayiri.
3 Ndiggya omutego gwo mu mukono gwo ogwa kkono; n'obusaale bwo
obungi obubadde mu mukono gwo ogwa ddyo, ndibukusuuza.
4 Oligwa ku nsozi za Isirayiri ggwe n'eggye lyo lyonna n'amawanga agali
naawe; ndibawaayo eri ensega eza buli ngeri n'eri buli nsolo enkambwe
mufuuke emmere yaazo.
5 Muligwa ku ttale, kubanga nze nkyogedde, bw'ayogera MUKAMA
Katonda.

6 Ndisindika omuliro ku Magogi ne ku abo ababeera mu bifo ebirimu
emirembe ku lubalama lw'ennyanja; balyoke bamanye nga nze MUKAMA.
7 " 'Ndimanyisa abantu bange Isirayiri Erinnya lyange ettukuvu. Sirig-
anya linnya lyange kuddayo kuvumibwa, era amawanga galimanya nga
nze MUKAMA, Omutukuvu mu Isirayiri.
8 Ekiseera kyakyo kituuse era kirituukirira, bw'ayogera MUKAMA Ka-
tonda. Luno lwe lunaku lwe nayogerako.
9 " 'Abo ababeera mu bibuga bya Isirayiri balifuluma ne bakozesa
ebyokulwanyisa ng'enku era balibikumako omuliro, engabo entono
n'engabo ennene, emitego n'obusaale n'ebiti ebinene n'amafumu. Bali-
bikozesa ng'enku okumala emyaka musanvu.
10 Tekiribeetaagisa kutyaba nku ku ttale so tebalitema nku mu bibira,
kubanga ebyokulwanyisa bye balikozesa ng'enku. Balinyaga abo abaa-
banyaga, ne babba abo abaababba, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
11 " 'Ku lunaku olwo ndiwa Googi ekifo eky'okuziikamu mu Isirayiri
mu kiwonvu ky'abatambuze ku luuyi olw'ebuvanjuba ku Nnyanja
ey'Omunnyo.* Kiriziba ekkubo ly'abatambuze, kubanga Googi
n'enkuyanja y'abantu be baliziikibwa eyo. Era kiriyitibwa ekiwonvu
kya Kamonugoogi.
12 " 'Ennyumba ya Isirayiri balimala emyezi musanvu nga babaziika,
okusobola okutukuza ensi.
13 Abantu bonna ab'omu nsi balibaziika, era luliba lunaku lwa kujjuki-
ranga era lwe lunaku lwe ndigulumizibwa, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
14 Wanaabangawo abasajja abanaapangisibwanga okukola omulimu
ogw'okutukuza ensi. Abamu ku bo banaayitanga mu nsi nga bakola
omulimu ogwo, n'abalala banaaziikanga emirambo gy'abo egirisigala
kungulu.
" 'Oluvannyuma olw'emyezi omusanvu balitandika okunoonya abaafa.
15 Bwe baliba nga bayita mu nsi, omu n'alaba eggumba ly'omuntu,
aliteeka akabonero mu kifo ekyo, okutuusa abaziika bwe baliba bayita
ne balaba akabonero ne baliziika mu kiwonvu kya Kamonugoogi.
16 (Era ne mu kifo ekyo eribaayo ekibuga ekiyitibwa Kamona). Bwe
batyo bwe balitukuza ensi.'
17 "Omwana w'omuntu, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
Koowoola buli kika ky'ennyonyi n'ebisolo byonna ebikambwe obigambe
nti, 'Mukuŋŋaane, mujje okuva mu njuyi zonna eri ssaddaaka gye
mbateekeddeteekedde, ssaddaaka ennene ku nsozi za Isirayiri, mulye
ennyama munywe n'omusaayi.
18 Mulirya ennyama ey'abalwanyi ab'amaanyi, era mulinywa omusaayi
gw'abalangira ab'ensi, ng'abanywa ogw'endiga ennume n'obuliga obuto,
ogw'embuzi n'ente ziseddume, zonna ensava ez'e Basani.
19 Mulirya amasavu ne mukkuta, ne munywa omusaayi ne mutamiira
ku ssaddaaka yange gye mbategekera.
20 Ku mmeeza yange mulirya embalaasi n'abazeebagala, wamu
n'abalwanyi ab'amaanyi n'abasajja abaserikale aba buli kika,' bw'ayogera
MUKAMA Katonda.
21 "Ndyoleka ekitiibwa kyange mu mawanga, era amawanga gonna
galiraba ekibonerezo kye ndikuwa, nga n'omukono gwange gubateeked-
dwaako.
22 Okuva ku lunaku olwo, ennyumba ya Isirayiri balimanya nga nze
MUKAMA Katonda waabwe.

* **39:11** wano boogera ku Nnyanja ey'Omunnyo

23 N'amawanga galimanya ng'abantu ba Isirayiri balitwalibwa mu
buwaŋŋanguse olw'ebibi byabwe, kubanga tebaali beesigwa gye ndi.
Kyenava mbakweka amaaso gange ne mbawaayo mu mukono gw'abalabe
baabwe, bonna ne battibwa ekitala.
24 Nababonereza ng'obutali butuukirivu bwabwe n'ebikolwa byabwe
bwe byali, ne mbakisa amaaso gange.

25 "Noolwekyo Mukama Katonda ayogera nti, Ndikomyawo Yakobo
okuva mu buwaŋŋanguse, era ndikwatirwa ekisa ennyumba ya Isirayiri
yonna, era ndirwanirira erinnya lyange ettukuvu.
26 Balyerabira okuswazibwa kwabwe, n'obutali bwesigwa bwe bandaga,
bwe baabeera mu nsi yaabwe emirembe, nga tebaliiko abatiisa.
27 Bwe ndibakomyawo okuva mu mawanga, nga mbakuŋŋaanyizza
okuva mu nsi ez'abalabe baabwe, ndyoleka obutukuvu bwange mu bo
eri amawanga mangi.
28 Olwo balimanya nga nze Mukama Katonda, kubanga nabasindika mu
buwaŋŋanguse mu mawanga, ate ne mbakuŋŋaanya eri ensi yaabwe, ne
sirekaayo n'omu.
29 Siribakisa maaso gange nate, bwe ndifuka Omwoyo wange ku
nnyumba ya Isirayiri, bw'ayogera Mukama Katonda."

# 40

### *Ekifo Ekiggya ekya Yeekaalu*

1 Ku ntandikwa ey'omwaka ogw'amakumi abiri mu etaano nga tuli
mu buwaŋŋanguse, ku lunaku lw'omwezi ogw'ekkumi, oluvannyuma
lw'emyaka kkumi n'ena ng'ekibuga kigudde, omukono gwa Mukama ne
gunzikako ku lunaku olwo lwennyini, n'antwalayo.
2 Mu kwolesebwa, Katonda n'antwala mu nsi ya Isirayiri n'anteeka ku
luuyi olw'Obukiikaddyo obw'olusozi oluwanvu ennyo okwali ebizimbe
ebyali ng'ekibuga.
3 N'antwala eyo, ne ndaba omusajja, ng'alabika ng'ayakolebwa mu
kikomo, ng'ayimiridde mu mulyango ng'akutte omuguwa ogwa linena
n'oluti olupima.
4 Omusajja n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, tunula n'amaaso go
owulire n'amatu go osseeyo omwoyo ku buli kye nnaakulaga, kyovudde
oleetebwa wano. Byonna by'onoolaba obitegeeze ennyumba ya Isirayiri."

### *Omulyango ogw'Ebuvanjuba okutuuka mu Luggya Olwa wabweru*

5 Ne ndaba bbugwe okwetooloola ekifo kya yeekaalu. Obuwanvu
bw'oluti olupima olwali mu mukono gw'omusajja lwali emikono mukaaga,
nga mita ssatu. Buli mukono gwali nga kitundu kya mita. N'apima bbugwe
ng'omubiri gwayo mita ssatu, n'obugulumivu bwayo mita ssatu.

6 Oluvannyuma n'alaga ku mulyango ogutunuulira Ebuvanjuba,
n'alinnya amadaala n'apima omuziziko ogusooka ogw'omu mulyango, nga
guli oluti lumu, ze mita ssatu.
7 N'obusenge obw'abakuumi bwali mita ssatu obuwanvu, n'obugazi
mita ssatu, ng'ebbanga eryawula obusenge obwo liri mita bbiri
n'ekitundu. Waaliwo n'omuziziko ogwokubiri. N'omuziziko ogwo gwali
mita ssatu mu bugulumivu. Mu maaso g'omuziziko ogwo waaliwo ekisasi
okutunuulira yeekaalu.
8 Awo n'apima ekisasi eky'oku mulyango

9 nga kiri mita nnya obugulumivu. Waaliwo empagi bbiri ku nsonda y’ekisasi, n’omubiri ogw’empagi ezo gwali mita emu. Ekisasi eky’oku mulyango kyayolekera yeekaalu.

10 Munda mu mulyango ogw’Ebuvanjuba mwalimu obusenge obw’abakuumi busatu ku njuyi zombi, bw’onsatule nga bwenkanankana obunene, nga n’ebbanga wakati waabwo lyenkanankana obunene.

11 N’apima obugazi obw’awayingirirwa mu mulyango nga buli mita ttaano n’obugulumivu bwawo nga buli mita mukaaga n’ekitundu.

12 Mu maaso ga buli kasenge waaliwo ekisenge obuwanvu kitundu kya mita, n’obusenge nga buli mita ssatu eruuyi ne mita ssatu eruuyi.

13 N’oluvannyuma n’apima obugazi bw’akasolya ak’ekibangirizi okuva ku kasenge akamu okutuuka ku kakoolekedde; okuva ku ntikko y’empagi okutuuka ku y’empagi eyookubiri waali mita kkumi na bbiri n’ekitundu.

14 Waaliwo embu bbiri ez’obusenge. N’apima ekibangirizi okuva ku kasenge akasooka ak’olubu olumu okutuuka ku kasenge akasembayo ak’olubu olwo. N’oluvannyuma n’apima n’ekibangirizi okuva ku kasenge akasooka ak’olubu olulala okutuuka ku kasenge akasembayo ak’olubu olwo olulala, wonna awamu n’afuna mita kkumi na ttaano buli lubu. Ekipimo ekyo tekitwaliramu kisasi.

15 N’okuva ku bwenyi bw’omulyango awayingirirwa okutuuka ekisasi kyagwo we kikoma waali mita amakumi abiri mu ttaano.

16 Era obusenge bwaliko amabanga amafunda okuva wansi okutuuka waggulu mu bisenge byabwo, okwetooloola obusenge bwonna; ate n’ekisasi nakyo kyalina amabanga agafaanagana nga gali ag’obusenge obw’abakuumi. Ku bisenge kwali kwoleddwako ebifaananyi eby’enkindu.

### *Oluggya olw’Ebweru*

17 Awo omusajja n’andeeta mu luggya olw’ebweru; ne ndaba ebisenge ebimu n’olubalaza ebyazimbibwa, ebisenge ebyo ebyazimbibwa ku lubalaza mu bbugwe okwetooloola oluggya lwonna, byali amakumi asatu.

18 Olubalaza lwakolebwa okwetooloola bbugwe. Obugazi bw’olubalaza lwali lwenkanankana n’obuwanvu bw’omulyango, era ng’olubalaza lwolekedde oluggya. Olubalaza olwo lwe luyitibwa olubalaza olwa wansi.

19 N’oluvannyuma n’apima ekibangirizi okuva omulyango ogw’Ebuvanjuba we gukoma okutuuka ebweru ow’oluggya olw’omunda, ze mita amakumi ataano. Waaliwo n’omulyango ogw’Obukiikakkono. N’ekibangirizi okuva ku mulyango ogwo we gukoma okutuuka ebweru w’oluggya olw’omunda nakyo kyali mita amakumi ataano.

### *Omulyango ogw’Obukiikakkono*

20 Awo n’apima obuwanvu n’obugazi obw’omulyango ogw’Obukiikakkono ogufuluma mu luggya olw’ebweru.

21 Obusenge bwagwo obw’abakuumi, busatu oluuyi n’oluuyi, n’ebbanga wakati waabwo, n’ekisasi kyagwo, byalina ebipimo bye bimu ng’omulyango ogusooka. Omulyango ogwo gwali mita amakumi abiri mu ttaano obuwanvu, n’obugazi mita kkumi na bbiri n’ekitundu.

22 Amabanga gaagwo amafunda, n’ekisasi kyagwo, n’ebifaananyi eby’enkindu ebyagwo byalina ebipimo bye bimu ng’eby’omulyango ogw’Ebuvanjuba. Amadaala musanvu ge galinnyibwanga okutuuka ku mulyango ogw’Obukiikakkono. Gwalina ekisasi ekyali ku nkomerero y’omulyango ogwo.

23 Waaliwo omulyango ogw’oluggya olw’omunda ogwatunuulira omulyango ogw’Obukiikakkono, nga ogwali Ebuvanjuba. N’apima

okuva ku mulyango ogw'oluggya olw'omunda okutuuka ku mulyango
ogw'Obukiikakkono mita amakumi ataano.

### *Omulyango ogw'Obukiikaddyo*

24 Awo n'ankulembera n'antwala ku luuyi olw'Obukiikaddyo ne ndaba
omulyango ogw'Obukiikaddyo, n'apima empagi zaagwo n'ekisasi kyagwo,
ng'ebigera byabyo byenkanankana n'ebirala.
25 Omulyango n'ekisasi kyagwo byalina amabanga amafunda okwe-
tooloola wonna, ng'amabanga ag'ebirala. Omulyango ogwo gwali mita
amakumi abiri mu ttaano obuwanvu, ng'obugazi mita kkumi na bbiri
n'ekitundu.
26 Amadaala musanvu ge gaalinnyibwangako okugutuukako. Gwalina
ekisasi ekyali ku nkomerero yaagwo. Gwaliko n'ebifaananyi eby'enkindu
ebyayolebwa eruuyi n'eruuyi ku bisenge byagwo.
27 Waaliwo n'omulyango ogw'oluggya olw'omunda ogwatunuulira
omulyango ogw'Obukiikaddyo. N'apima okuva ku mulyango ogwo
okutuuka ku mulyango ogw'Obukiikaddyo; zaali mita amakumi ataano.

### *Emiryango egy'Oluggya olw'Omunda*

28 Awo n'antwala mu luggya olw'omunda nga tuyita mu mulyango
ogw'Obukiikaddyo ogw'oluggya olw'omunda, n'apima, nga gulina ebip-
imo bye bimu ng'emirala gyonna.
29 Obusenge bwagwo obw'abakuumi, n'amabanga gaagwo, n'ekisasi
kyagwo byalina ebipimo bye bimu ng'ebirala. Omulyango n'ekisasi
kyagwo byalina amabanga amafunda okwetooloola, era gwali mita
amakumi abiri mu ttaano obuwanvu, n'obugazi mita kkumi na bbiri
n'ekitundu.
30 Ebisasi eby'emiryango ebyetoolodde oluggya olw'omunda buli kimu
kyali obugazi mita kkumi na bbiri n'ekitundu, n'obugulumivu mita bbiri
n'ekitundu.
31 Ekisasi kyagwo kyatunuulira oluggya olw'ebweru. Empagi zaakyo za-
ali zooleddwa n'ebifaananyi eby'enkindu. Amadaala munaana ge gaalin-
nyibwanga okutuuka ku kisasi eky'oku mulyango ogw'Obukiikaddyo
ogw'oluggya olw'omunda.
32 Oluvannyuma n'antwala mu luggya olw'omunda ku mulyango
ogw'Ebuvanjuba ogw'oluggya olw'omunda, n'apima omulyango ogwo,
nga gulina ebipimo bye bimu ng'emirala.
33 Obusenge bwagwo n'amabanga gaagwo n'ekisasi kyagwo byalina
ebipimo bye bimu ng'ebirala. Omulyango n'ekisasi byalina amabanga
okwetooloola, era gwali mita amakumi abiri mu ttaano obuwanvu
n'obugazi mita kkumi na bbiri n'ekitundu.
34 Ekisasi kyagwo kyatunuulira oluggya olw'ebweru. Empagi zaakyo
zaali zooleddwa n'ebifaananyi eby'enkindu. Amadaala munaana ge
gaalinnyibwanga okutuuka ku kisasi eky'oku mulyango ogw'Ebuvanjuba
ogw'oluggya olw'omunda.
35 N'antwala ku mulyango ogw'Obukiikakkono ogw'oluggya
olw'omunda n'alupima ng'ebipimo bye bimu ng'emiryango emirala.
36 Obusenge bwagwo obw'abakuumi n'amabanga gaagwo, n'ekisasi
kyagwo byalina ebipimo bye bimu ng'ebirala. Omulyango n'ekisasi
byalina amabanga okwetooloola, era gwali mita amakumi abiri mu ttaano
obuwanvu, n'obugazi mita kkumi na bbiri n'ekitundu.

37 Ekisasi kyagwo kyatunuulira oluggya olw'ebweru. Empagi zaakyo zaali zooleddwa n'ebifaananyi eby'enkindu. Amadaala munaana ge gaalinnyibwanga okutuuka ku kisasi eky'oku mulyango ogw'Obukiikakkono ogw'oluggya olw'omunda.

### *Ebisenge gye Bategekera Ssaddaaka*

38 Waaliwo ekisenge n'oluggi lwakyo ekyaliraana ekisasi ku buli mulyango ogw'oluggya olw'omunda. Omwo ebiweebwayo ebyokebwa mwe byayozebwanga.

39 Mu kisasi eky'emiryango mwalimu emmeeza bbiri oluuyi olumu n'endala bbiri oluuyi olulala kwe battiranga ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebiweebwayo olw'ebibi, n'ebiweebwayo olw'omusango.

40 Era ebweru w'ekisasi ku mulyango, okumpi n'amadaala awayingirirwa ku mulyango oguli mu bukiikakkono waaliwo emmeeza bbiri ne ku luuyi olulala olw'amadaala waliwo emmeza bbiri.

41 Ne kitegeeza nga waaliwo emmeeza nnya ku luuyi olumu olw'omunda, n'emmeeza endala nnya ku luuyi olulala ng'oyimiridde mu mulyango, awamu z'emmeeza munaana, kwe battiranga ssaddaaka.

42 Era waaliwo n'emmeeza endala nnya ez'amayinja amateme ez'ebiweebwayo ebyokebwa, buli emu yali desimoolo nsanvu mu ttaano eza mita obuwanvu, obugazi desimoolo nsanvu mu ttaano eza mita n'obugulumivu kitundu kya mita. Okwo kwe baateekanga ebiso ebibaaga ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo ebirala.

43 Era waaliwo n'ewuuma ez'engalo bbiri, obuwanvu bwazo sentimita mwenda, ezaawanikibwa ku bisenge okwetooloola. Ku mmeeza kwe baatekanga ennyama ey'ebiweebwayo.

### *Ebisenge bya Bakabona*

44 Mu luggya olw'omunda waaliyo ebisenge bibiri eby'abayimbi, ekimu ku luuyi olw'omulyango ogw'Obukiikakkono ekyolekera Obukiikaddyo, n'ekirala ku luuyi olw'omulyango ogw'Obukiikaddyo okutunuulira Obukiikakkono.

45 N'aŋŋamba nti, "Ekisenge ekyolekera Obukiikaddyo, kya bakabona abavunaanyizibwa yeekaalu,

46 n'ekisenge ekyolekera Obukiikakkono kya bakabona abavunaanyizibwa ekyoto. Abo be batabani ba Zadooki, era be Baleevi bokka abasobola okusemberera Mukama okumuweereza."

47 N'apima oluggya, nga luli mita amakumi ataano obuwanvu, n'obugazi mita amakumi ataano, nga kya nsonda nnya ezenkanankana, n'ekyoto kyali mu maaso ga yeekaalu.

### *Eyeekaalu*

48 N'antwala ku kisasi kya yeekaalu n'apima empagi ez'ekisasi ezaali eruuyi n'eruuyi olw'ekisasi. Ne ndaba nga ku mukono ogwa ddyo empagi emu epima mita bbiri n'ekitundu ku luuyi olw'ebweru ate ng'empagi eyookubiri ku mukono ogwa kkono erina ebipimo ebyenkanankana na luli. Oluuyi olw'omunda olw'empagi emu lwapima mita emu n'ekitundu, n'oluuyi olw'omunda olw'empagi eyookubiri nga nalwo lupima mita emu n'ekitundu. Okuva ku mpagi we zitandikira okutuuka ku mulyango gwa yeekaalu waali mita musanvu, ekitegeeza nti ekisasi kyali mita musanvu obuwanvu.

49 Obugazi bw'omulyango ng'otaddeko n'empagi ez'enjuuyi zombi bwali mita kkumi. Okuva ku mpagi okutuuka ku mulyango gwa yeekaalu waali mita ttaano n'ekitundu. Amadaala kkumi ge gaalinnyibwanga okutuuka

ku kisasi. Waaliwo n'empagi endala bbiri eruuyi n'eruuyi ezaaliraana empagi eziwanirira ekisasi.

# 41

1 Awo omusajja n'antwala ebweru wa yeekaalu Awatukuvu n'apima empagi ez'awayingirirwa mu kifo ekitukuvu, obugazi mita ssatu buli luuyi.
2 Awayingirirwa waali obugazi mita ttaano, n'obugazi bw'empagi ez'oku luuyi olw'omunda zaali mita bbiri n'ekitundu eruuyi n'eruuyi. N'apima ebweru wa yeekaalu Awatukuvu nga wali mita amakumi abiri obuwanvu, n'obugazi mita kkumi.
3 Oluvannyuma n'ayingira munda wa yeekaalu Awatukuvu w'Awatukuvu, n'apima empagi eziri awayingirirwa, buli emu obugazi mita emu. Omulyango gwali mita ssatu obugazi, n'ebisenge ebyayitangamu eruuyi n'eruuyi ku mulyango oguyingirirwamu mu Watukuvu w'Awatukuvu byali mita ssatu n'ekitundu obugazi.
4 N'apima Awatukuvu w'Awatukuvu nga wali mita kkumi obuwanvu, n'obugazi mita kkumi. N'aŋŋamba nti, "Kino kye kifo ekiyitibwa Awatukuvu w'Awatukuvu."
5 N'apima ekisenge ekya yeekaalu, ng'omubiri gwakyo guli mita ssatu, na buli kisenge eky'ebbali okwebungulula yeekaalu obugazi nga kiri mita bbiri.
6 Ebisenge eby'ebbali byali emyaliiro esatu, buli kimu nga kiri waggulu wa kinnaakyo, ku buli mwaliiro kwaliko ebisenge amakumi asatu. Waaliwo empagi ezawaniriranga ebisenge ebyo naye ng'empagi ezo teziyingira mu kisenge ekya yeekaalu.
7 Ebisenge eby'ebbali okwebungulula yeekaalu byagendanga nga byeyongera okugaziwa buli mwaliiro ogweyongerangayo waggulu, era amadaala gaazo agalinnyirwako gaava wansi okutuuka ku mwaliiro ogusembayo nga guyita ku mwaliiro ogwa wakati.
8 Ne ndaba nga yeekaalu eriko ekifo ekyagulumira okugyebungulula nga kye kikola omusingi ogw'ebisenge eby'ebbali. Obuwanvu kyali ng'obuwanvu obw'oluti, z'emita empanvu ssatu.
9 Waaliwo ekisenge ekyebunguludde ebisenge eby'ebbali. Omubiri gw'ekisenge ekyo gwali mita bbiri n'ekitundu. Waaliwo ekibangirizi wakati w'ebisenge eby'ebbali ebya yeekaalu n'ekisenge ekyebunguludde ebisenge eby'ebbali ebya yeekaalu. Waaliwo n'ekibangirizi wakati wa bbugwe n'ekisenge ekyebunguludde ebisenge eby'ebbali ebya yeekaalu.
10 Ekibangirizi ekyo kyali mita kkumi obugazi.
11 Waaliwo emiryango egyayingiranga mu bisenge eby'ebbali okuva mu kibangirizi ekiri wakati w'ekisenge ekyebunguludde ebisenge eby'ebbali n'ebisenge ebyo. Emiryango egyo gyali ku luuyi olw'Obukiikakkono, ne ku luuyi olw'Obukiikaddyo. Ekibangirizi ekyo kyali mita bbiri n'ekitundu obugazi.
12 Ekizimbe ekyali mu luggya emanju wa yeekaalu, lwe luuyi olw'ebugwanjuba kyali obugazi mita amakumi asatu mu ttaano, n'omubiri gw'ekisenge eky'ekizimbe ekyo gwali mita bbiri n'ekitundu okwebungulula, n'obuwanvu bwakyo mita amakumi ana mu ttaano.
13 Oluvannyuma omusajja n'apima yeekaalu, ng'obuwanvu eri mita amakumi ataano, n'oluggya lwa yeekaalu n'ekizimbe n'ebisenge byakwo byali obuwanvu mita amakumi ataano.
14 Obugazi bw'oluggya lwa yeekaalu ku luuyi olw'ebuvanjuba ng'ogasseeko emiryango wa yeekaalu waali mita amakumi ataano.

15 N’apima obuwanvu obw’ekizimbe ekyali mu maaso g’oluggya emanju wa yeekaalu, okwo nga kw’ogasse embalaza oluuyi n’oluuyi nga wali mita amakumi ataano.

Ekifo Awatukuvu ebweru, n’ekifo Awatukuvu munda n’ekisasi mu maaso g’oluggya

16 n’awayingirirwa, n’amadirisa amafunda n’embalaza okugeetooloola gonsatule, okwolekera omulyango byonna byabikkibwako embaawo, ne wansi, n’ekisenge okutuuka ku madirisa, n’amadirisa byabikkibwako.

17 Mu bbanga eryali waggulu w’omulyango okutuuka mu wakuŋŋaanirwa munda, ne ku bisenge mu bifo ebitali bimu okwetooloola Awatukuvu munda, ne ku bisenge mu bifo ebitali bimu okwetooloola Awatukuvu munda n’ebweru,

18 yakolebwa ne bakerubi n’enkindu, ng’olukindu luteekeddwa wakati wa bakerubi kinnababirye. Ne buli kerubi yalina ebyenyi bibiri

19 ekyenyi ky’omusajja nga kyolekedde olukindu ku luuyi olumu n’ekyenyi ky’empologoma ento nga kyolekedde olukindu oluuyi olulala. Ebyo byakolebwa okwetooloola eyeekaalu yonna.

20 Okuva wansi okutuuka mu kibangirizi ekiri waggulu w’omulyango waaliwo bakerubi n’enkindu ebyawoolebwa ebweru ku kisenge ky’Awatukuvu.

21 Omulyango ogw’Awatukuvu ebweru gwali gwa nsonda nnya era n’ogwo ogwali mu maaso g’Ekifo Ekitukuvu Ennyo gwali gugufaanana

22 Ekyoto kyabajjibwa mu muti ng’obugulumivu kiri mita emu n’ekitundu, obuwanvu n’obugazi mita emu, eruuyi n’eruuyi. Ensonda zaakyo n’obuwanvu bwakyo n’ebisenge byakyo byali bya miti. Omusajja n’aŋŋamba nti, “Eno ye mmeeza ebeera mu maaso ga Mukama.”

23 Awatukuvu n’Awatukuvu w’Awatukuvu byalina enzigi za mpayi bbiri bbiri.

24 Buli luggi lwalina empayi bbiri, buli mwango nga gulina enzigi bbiri.

25 Era ku nzigi ezo ez’Awatukuvu kwali kwoleddwako ebifaananyi bya bakerubi n’eby’enkindu nga biri ebyayolebwa ku bisenge. Waaliwo n’akasasi akaakolebwa mu muti akali ku kisasi.

26 Ku bisenge eby’ebbali eby’ekisasi kwaliko amadirisa amawanvuyirivu nga mafunda agaali gooleddwako ebifaananyi eby’enkindu ku buli luuyi. N’ebisenge eby’ebbali ebya yeekaalu byalina obusasi.

# 42

1 Awo omusajja n’ankulemberamu n’antwala mu luggya ebweru ku luuyi olw’Obukiikakkono, n’antwala mu bisenge eby’ekizimbe ekyayolekera oluggya lwa yeekaalu era ekyayolekera bbugwe ku luuyi olw’Obukiikakkono.

2 Ekizimbe ekyo ekyaliko omuzigo ogwolekedde Obukiikakkono, kyali mita amakumi ataano obuwanvu, n’obugazi mita amakumi abiri mu ttaano.

3 Ekizimbe ekyo kyalina ennyumba bbiri. Ennyumba emu yali eyolekera oluggya olw’omunda oluli mita kkumi obugazi. Ennyumba endala n’eyolekera oluggya olw’ebweru. Ennyumba zombi zazimbibwa nga za kalina ssatu, nga zoolekaganye.

4 Wakati w’ennyumba ezo ebbiri, waaliwo olukuubo mita ttaano obugazi, n’obuwanvu mita amakumi ataano. Enzigi ez’ennyumba eyolekera oluggya olw’omunda zaayolekera Obukiikakkono.

5 Ebisenge ebya waggulu byali bifunda okusinga ebibiri wansi, kubanga olubalaza olwa waggulu lwatwala ekifo kinene okusinga ku myaliiro egya wansi n'egya wakati mu kizimbe.
6 Oluggya lwalina empagi naye ebisenge ebyali ku mwaliiro ogwokusatu tebyalimu mpagi, noolwekyo byali bitono okusinga ebyali ku mwaliiro ogwa wansi ne ku mwaliiro ogwa wakati.
7 Waaliwo ekisenge eky'ebweru ekyali kigatta ennyumba zombi ez'ekizimbe, obuwanvu mita amakumi abiri mu ttaano.
8 Olubu lw'ebisenge olw'ennyumba eri ku luuyi oluliraanye oluggya olw'ebweru obuwanvu bwali mita amakumi abiri mu ttaano, ate n'olubu lw'ebisenge olw'ennyumba ku luuyi olusinga okuliraana yeekaalu obuwanvu bwali mita amakumi ataano.
9 Ebisenge ebya wansi byaliko omulyango ku luuyi olw'ebuvanjuba ogufuluma mu luggya olw'ebweru.
10 Ku luuyi olw'Obukiikaddyo obwa yeekaalu, waliwo ekizimbe ekyalina ennyumba bbiri ezaali wakati w'oluggya olwa yeekaalu, ne bbugwe.
11 Waaliwo olukuubo wakati w'ennyumba zombi. Zaafaanana ng'ennyumba ez'oku luuyi olw'Obukiikakkono, ng'obuwanvu n'obugazi bwazo, n'emiryango nga bya bipimo ebyenkanankana n'eby'Obukiikakkono.
12 Emiryango gy'ebisenge eby'Obukiikaddyo gyali gifaanana n'emiryango gy'ebisenge eby'Obukiikakkono. Ekizimbe kyaliko omuzigo ogwolekedde Obukiikaddyo, nga bw'oguyingiriramu oyolekera emiryango gy'ennyumba ennene ey'ekizimbe. Waaliwo omulyango omulala ku luuyi olw'ebuvanjuba olukuubo lw'ekizimbe eky'ennyumba zombi we lukoma.
13 Awo n'aŋŋamba nti, "Ebisenge eby'ennyumba eyolekedde yeekaalu eby'omu Bukiikakkono n'eby'ennyumba eyolekedde yeekaalu eby'omu Bukiikaddyo, by'ebisenge bya bakabona. Bakabona abaweereza mu maaso ga Mukama gye banaaliiranga ebintu ebitukuvu ennyo; era eyo gye banaatekanga ebiweebwayo ebitukuvu ennyo, n'ekiweebwayo eky'obutta n'ebiweebwayo olw'ekibi, n'ebiweebwayo olw'omusango, kubanga ekifo kitukuvu.
14 Bakabona bwe bayingirangamu, tebaafulumenga kulaga mu luggya olw'ebweru, okuggyako nga baggyemu ebyambalo eby'obuweereza bwabwe, kubanga byambalo bitukuvu. Banaayambalanga ebyambalo ebirala, ne balyoka basemberera ebifo awali abantu."
15 Bwe yamala okupima munda wa yeekaalu, n'ankulembera n'ampisa mu mulyango ogw'Ebuvanjuba, n'apima ekitundu ekyetoolodde wonna.
16 N'apima oluuyi olw'ebuvanjuba n'oluti olugera, nga luli mita ebikumi bibiri mu ataano.
17 N'apima oluuyi olw'Obukiikakkono nga luli mita ebikumi bibiri mu ataano.
18 N'oluvannyuma n'apima oluuyi olw'Obukiikaddyo nga luli mita ebikumi bibiri mu ataano.
19 N'oluvannyuma n'akyuka n'apima oluuyi olw'ebugwanjuba, nga luli mita ebikumi bibiri mu ataano.
20 N'apima enjuuyi ennya zonna. Yeekaalu yalina bbugwe okugyebungulula, mita ebikumi bibiri mu ataano obuwanvu, n'obugazi mita ebikumi bibiri mu ataano, nga kye kyawula awatukuvu n'awabulijjo.

# 43

*Ekitiibwa kya Mukama kikomawo mu Yeekaalu*

1 Awo omusajja n'antwala ku mulyango ogwolekera Obuvanjuba,
2 ne ndaba ekitiibwa kya Katonda wa Isirayiri nga kiva Ebuvan-
juba, n'eddoboozi lye lyali ng'okuwuuma okw'amazzi amangi, n'ensi
n'emasamasa olw'ekitiibwa kye.
3 Okwolesebwa kwe nalaba kwali nga kuli kwe nalaba bwe najja okuzik-
iriza ekibuga, era ng'okwolesebwa kwe nalaba ku lubalama lw'omugga
Kebali; ne nvuunama.
4 Awo ekitiibwa kya MUKAMA ne kiyingira mu yeekaalu nga kiyita mu
luggi olwolekera Obuvanjuba,
5 Omwoyo n'ansitula, n'andeeta mu luggya olw'omunda, n'ekitiibwa kya
MUKAMA ne kijjula yeekaalu.
6 Awo omusajja ng'ayimiridde okunninaana, ne mpulira omuntu ayo-
gera nange ng'asinziira munda mu yeekaalu;
7 n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, kino kye kifo eky'entebe
ey'obwakabaka bwange, era ekifo eky'ebigere byange mwe nnaabeeranga
wakati mu bantu ba Isirayiri emirembe gyonna. Ennyumba ya Isirayiri
tebaliddayo kuvvoola linnya lyange ettukuvu, bo newaakubadde bak-
abaka baabwe, nga basinza emirambo gya bakabaka baabwe mu bifo
byabwe ebigulumivu.
8 Bwe baliraanya omulyango gwabwe okumpi n'ogwange, era
n'emifuubeeto gyabwe okumpi n'egyange, ekisenge ekyereere nga kye
kyawula nze nabo, bavvoola erinnya lyange ettukuvu n'emizizo gyabwe.
Kyennava mbazikiriza n'obusungu bwange.
9 Kaakano baggyewo eby'obugwagwa byabwe, n'okusinza emirambo
gya bakabaka baabwe, era babiteeke wala nange, nange naabeeranga
wakati mu bo emirembe gyonna.
10 "Omwana w'omuntu, abantu ba Isirayiri bannyonnyole endabika ya
yeekaalu, bakwatibwe ensonyi olw'ebibi byabwe.
11 Bwe balikwatirwa ensonyi olw'ebyo byonna bye baakola oli-
bategeeza eyeekaalu bw'efaanana, okutegekebwa kwayo, awafulumirwa
n'awayingirirwa, n'ekifaananyi kyayo yonna, era n'ebiragiro byamu
n'amateeka gaamu. Obiwandiikire mu maaso gaabwe babeere beesigwa
okukuuma ebiragiro byamu.
12 "Etteeka lya yeekaalu lye lino: Ekifo kyonna ekyetoolodde ku ntikko
ey'olusozi kinaabeeranga kitukuvu nnyo. Era eryo lye tteeka erya
yeekaalu.

### *Ekyoto*

13 "Bino bye bipimo by'ekyoto: Entobo yaakyo eriba okukka sentimita
amakumi ataano mu munaana n'obugazi sentimita amakumi ataano mu
munaana, n'omugo gwakyo ku kamwa kaakyo okwetooloola guliba gwa
sentimita amakumi abiri mu bbiri. Obugulumivu bw'ekyoto buliba:
14 okuva ku ntobo wansi okutuuka ku mugo ogwa wansi, waliba
obugulumivu mita emu ne desimoolo kkumi na mukaaga, obugazi
sentimita amakumi ataano mu munaana, ate okuva ku mugo omutono
okutuuka ku mugo omunene, obugulumivu mita bbiri ne desimoolo asatu
mu bbiri, obugazi sentimita amakumi ataano mu munaana.
15 Entobo ey'ekyoto eriba obugulumivu mita bbiri ne desimoolo asatu
mu bbiri, n'okuva ku ntobo ey'ekyoto okwambuka waliba amayembe ana.
16 Entobo ey'ekyoto eriba ya nsonda nnya, nga zenkanankana,
obuwanvu mita mukaaga ne desimoolo kyenda mu mukaaga, n'obugazi
mita mukaaga ne desimoolo kyenda mu mukaaga.

17 Omugo ogwa waggulu guliba gwa nsonda nnya ezenkanankana obuwanvu mita munaana ne desimoolo kkumi na bbiri n'obugazi mita munaana ne desimoolo kkumi na bbiri, n'omugo ogugwetooloola guliba obugazi sentimita amakumi abiri mu mwenda, n'entobo yaagwo eriba sentimita ataano mu munaana okugwetooloola. Amadaala ag'ekyoto galitunuulira Ebuvanjuba."
18 N'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti; Bino bye biriba ebiragiro bye munaagobereranga nga muwaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'okumansira omusaayi ku Kyoto, nga kiwedde okuzimbibwa.
19 Muliwaayo ente ennume ento ng'ekiweebwayo olw'ekibi eri bakabona Abaleevi ab'ennyumba ya Zadooki, abampeereza bw'ayogera MUKAMA Katonda.
20 Oliddira omusaayi ogumu okuva mu nte eyo n'oguteeka ku mayembe ana ag'ekyoto, ne ku nsonda ennya ez'omugo ogwa waggulu ne ku mugo ogwa kamwa kaakyo okwetooloola, ne mutukuza ekyoto era ne mu kitangirira.
21 Muliddira ente ennume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, ne mugyokera mu kifo ekyalondebwa ekya yeekaalu ebweru w'Awatukuvu.
22 "Ku lunaku olwokubiri muliwaayo embuzi ennume eteriiko kamogo okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'ekyoto kiritukuzibwa mu ngeri y'emu nga bwe kyatukuzibwa n'ente ennume.
23 Bwe mulimala okukitukuza, muliwaayo akalume k'ente akato, n'endiga ennume okuva mu kisibo nga teriiko kamogo.
24 Mulizireeta mu maaso ga MUKAMA, bakabona ne bamansira omunnyo ku nnyama yaazo, ne baziwaayo ng'ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA.
25 "Mulimala ennaku musanvu nga muwayo embuzi ennume emu buli lunaku ng'ekiweebwayo olw'ekibi. Era muliwaayo n'ente ennume n'endiga ennume, byombi nga tebiriiko kamogo.
26 Balimala ennaku musanvu nga batangirira ekyoto era nga bakitukuza; bwe batyo ne bakiwaayo eri Katonda.
27 Oluvannyuma lw'ennaku ezo, okutandika n'olunaku olw'omunaana, bakabona baliwaayo ebiweebwayo byammwe ebyokebwa, n'ebiweebwayo byammwe olw'emirembe ku kyoto. Kale ndibasembeza, bw'ayogera MUKAMA Katonda."

# 44

### *Omulangira, Abaleevi Ne Bakabona*

1 Awo omusajja n'ankomyawo ku mulyango ogw'ebweru ogw'Awatukuvu ogutunuulira obuvanjuba; gwali muggale.
2 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Omulyango guno gwa kusigalanga nga muggale. Teguteekwa kugulwanga newaakubadde omuntu yenna okuguyitangamu. Gwa kusigalanga nga muggale kubanga MUKAMA, Katonda wa Isirayiri yaguyitamu.
3 Omulangira yennyini, ye yekka anaatulanga mu mulyango n'aliira mu maaso ga MUKAMA, era nnaayingiranga ng'ayita mu kkubo ery'ekisasi eky'omulyango, ne mu kkubo eryo mw'anaafulumiranga."
4 Awo omusajja n'ankulembera ne tuyita mu kkubo ery'omulyango ogw'Obukiikakkono n'antwala mu maaso ga yeekaalu. Ne ntunula ne ndaba ekitiibwa kya MUKAMA nga kijjudde yeekaalu ya MUKAMA, ne nvuunama.

5 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Omwana w'omuntu, tunula weetegereze, owulirize bulungi era osseeyo omwoyo eri buli kye n'akugamba ku biragiro ebikwata ku nzirukanya ya yeekaalu ya MUKAMA. Tunula weetegereze bulungi awayingirirwa mu yeekaalu n'awafulumirwa wonna aw'Awatukuvu.
6 Tegeeza ennyumba ya Isirayiri enjeemu nti, 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti; ebikolwa byammwe eby'emizizo bikome, mmwe ennyumba ya Isirayiri.'
7 Ate n'okwogera ku ebyo ebikolwa byammwe eby'emizizo byonna, mukkiriza bannaggwanga, abatali bakomole mu mutima newaakubadde omubiri okuyingira Awatukuvu wange, ne boonoona eyeekaalu yange nga mmwe bwe mumpeerayo emmere, amasavu n'omusaayi ne mumenya endagaano yange.
8 Mu kifo eky'okukola ebibagwanira ng'ebintu byange ebitukuvu bwe biri, abalala bannaggwanga be mwakwasa okuvunaanyizibwa empya zange.
9 Kale MUKAMA Katonda kyava ayogera nti, Tewaliba munnaggwanga n'omu atali mukomole mu mutima newaakubadde omubiri aliyingira mu Watukuvu wange, newaakubadde bannaggwanga ababeera mu Bayisirayiri wakati.
10 " 'Naye Abaleevi abanvaako, Isirayiri bwe yakyama, ne bagoberera bakatonda abalala, balibonerezebwa.
11 Baliba baweereza mu watukuvu wange, nga balabirira emiryango gya yeekaalu, era ng'omwo mwe baweerereza; banattiranga abantu ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka, era banabaweerezanga.
12 Naye kubanga baabaweerereza mu maaso ga bakatonda abalala, ne baleetera ennyumba ya Isirayiri okugwa mu kibi, kyendiva mbalayirira okubabonereza olw'ekibi kyabwe, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
13 Tebalinsemberera kumpeereza nga bakabona newaakubadde okusemberera ekintu kyonna ku bintu byange ebitukuvu, oba ebiweebwayo byange ebitukuvu ennyo; kubanga baakola ebiswaza n'eby'ekivve.
14 Naye ndibalonda okuvunaanyizibwa emirimu gya yeekaalu, n'eby'okukola byonna ebiteekwa okukolebwa mu yo.
15 " 'Naye bakabona Abaleevi ne bazzukulu ba Zadooki, abavunaanyizibwa emirimu mu watukuvu wange n'obwesigwa, ng'abaana ba Isirayiri banjeemedde, balisembera okumpi nange ne bampeereza, era be baliyimirira mu maaso gange okuwangayo gye ndi amasavu n'omusaayi, bw'ayogera MUKAMA Katonda.
16 Abo bokka be banaayingiranga mu watukuvu wange, era be banaasemberanga okumpi n'emmeeza yange okumpeerezanga, n'okukuumanga ebyo bye mbalagira.
17 " 'Bwe banaayingiranga mu miryango egy'oluggya olw'omunda banaayambalanga ebyambalo ebya linena; tebateekwa kwambalanga byambalo bya byoya by'endiga, nga baweerereza mu miryango egy'oluggya olw'omunda ne munda wa yeekaalu.
18 Baneesibanga ebitambala ku mutwe nga bya linena, n'engoye ez'omunda nga za linena. Tebateekwa kwambalanga kintu n'ekimu ekibatuuyanya.
19 Bwe banaabanga bafuluma nga balaga mu luggya olw'ebweru eri abantu, banaayambulangamu ebyambalo byabwe bye baweererezaamu, ne babitereka mu bisenge ebyatukuzibwa, ne bambala engoye endala balemenga okutukuza abantu n'ebyambalo byabwe.

20 “ ‘Tebateekwa kumwa mitwe gyabwe newaakubadde okuleka enviiri zaabwe okukula ennyo, naye banaazisalangako ne zisigala nga nto.
21 Tewabanga kabona n’omu anywa nvinnyo ng’ayingidde mu luggya olw’omunda.
22 Tebateekeddwa kuwasa bannamwandu newaakubadde eyanoba, naye banaawasanga abawala embeerera nga ba lulyo lwa Isirayiri oba nga bannamwandu ba bakabona.
23 Banaayigirizanga abantu bange enjawulo wakati w’ekitukuvu n’ekitali kitukuvu, era nga babalaga enjawulo wakati w’ekirongoofu n’ekitali kirongoofu.
24 “ ‘Bwe wanaabangawo enkaayana, bakabona be banaabanga abalamuzi, okusalawo ng’ebiragiro byange bwe biri. Banaakumanga amateeka gange n’ebiragiro byange ku mbaga zange zonna ezaalagirwa, era banaakumanga Ssabbiiti zange nga ntukuvu.
25 “ ‘Kabona taasembererenga mulambo aleme okweyonoonyesa, naye kitaawe bw’anaabanga y’afudde, oba nnyina, oba mutabani we oba muwala we, oba muganda we, oba mwannyina atafumbirwangako, kale aneeyonoonesanga.
26 Oluvannyuma olw’okwetukuza, anaalindanga ennaku musanvu ziyite.
27 Awo ku lunaku lw’anaalaganga mu luggya olw’omunda olwa watukuvu okuweereza mu watukuvu, aneweerangayo ekiweebwayo olw’ekibi, bw’ayogera Mukama Katonda.
28 “ ‘Nze nnaabanga omugabo gwa bakabona. Temuubawenga mugabo na gumu mu Isirayiri; nze mugabo gwabwe.
29 Banaalyanga ebiweebwayo eby’obutta, n’ebiweebwayo olw’ekibi, n’ebiweebwayo olw’omusango, ne buli kintu mu Isirayiri ekiwonge eri Mukama kinaabanga kyabwe.
30 Ebisinga obulungi ku bibala byonna ebisooka ebya buli kika n’ebirabo byonna eby’omuwendo binaabanga bya bakabona. Munaabawanga obutta bwammwe obwasooka okugoyebwa, omukisa gubeerenga ku nnyumba zammwe.
31 Bakabona tebaalyenga kintu na kimu, oba nnyonyi oba nsolo, ebisangiddwa nga bifu olumbe lwabyo nga byataagulwa nsolo.

# 45

*Okugabanyaamu Ensi*

1 “ ‘Bwe muligabana ensi ng’omugabo gwammwe, musalangako ekitundu ekya Mukama ku nsi eyo, ky’ekifo ekitukuvu, obuwanvu mayilo munaana, n’obugazi mayilo mukaaga era ekifo kyonna kinaabanga kitukuvu.
2 Ku ttaka eryo kunaasalibwangako ekifo eky’Awatukuvu ekyenkana mita ebikumi bibiri mu nkaaga buli ludda mu buwanvu ne mu bugazi, n’oluggya okukyetooloola luliba lwa mita amakumi abiri mu mukaaga.
3 Mu kifo ekitukuvu olipima ekigera obuwanvu mayilo munaana, n’obugazi mayilo ssatu, era omwo mwe muliba awatukuvu, Ekifo Ekitukuvu Ennyo.
4 Ekyo kye kiriba ekifo ekitukuvu ekya bakabona abaweereza mu watukuvu, era abasemberera Mukama okumuweereza. Kye kiriba ekifo eky’ennyumba zaabwe n’ekigo ekitukuvu eky’Awatukuvu.

5 Ekifo ekirala obuwanvu mayilo musanvu n'obugazi mayilo ssatu kye kiriba eky'Abaleevi, abaweereza mu yeekaalu, era baliba n'ebisenge amakumi abiri eby'okubeeramu ng'ebyo bye bikola ebibuga byabwe.'

6 " 'Muteekeddwa okuwa ekibuga obutaka bwakyo: obugazi mayilo emu n'ekitundu, n'obuwanvu mayilo musanvu okuliraana ekifo eky'omugabo omutukuvu, era kiriba kya nnyumba yonna eya Isirayiri.'

7 " 'Omulangira alifuna ettaka ku nsalo eri wakati w'omugabo omutukuvu n'ettaka ery'ekibuga, ku luuyi olw'Ebugwanjuba ne ku luuyi olw'ebuvanjuba, mu buwanvu nga buva Ebugwanjuba ne butuuka Ebuvanjuba okuliraana n'omugabo ogw'ekika ekimu.

8 Ettaka eryo lye linaabanga omugabo gwe mu Isirayiri so n'abalangira tebaajoogenga bantu bange naye balikkiriza ennyumba ya Isirayiri okufuna omugabo mu nsi ng'ebika byabwe bwe biri.'

9 " 'Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti; Kye mukoze kimala, mmwe abalangira ba Isirayiri! Temukuluusanya abantu bange n'okubanyigiriza, mutuukirize eby'ensonga era ebituufu. Temubagobaganya, bw'ayogera Mukama Katonda.

10 Munaakozesanga minzaani entuufu okupima ebikalu era n'ebitali bikalu ebiyiika.

11 Efa n'ensuwa binaabanga bya kigera kimu, ensuwa ng'egyamu eky'ekimu eky'ekkumi eky'ekomeri, n'efa ng'egyamu eky'ekimu eky'ekkumi eky'ekomeri, ng'ekomeri kye kigera ekikozesebwa.

12 Sekeri eriba gera amakumi abiri, era sekeri amakumi abiri n'ogattako sekeri amakumi abiri mu ttaano, n'oyongerako sekeri kkumi na ttaano, n'ewera maane emu, ekyo kye kiriba ekigera kyammwe.

### *Ebiweebwayo n'Ennaku Entukuvu*

13 " 'Kino kye kirabo eky'enjawulo kye muliwaayo: kilo biri n'obutundu musanvu n'ekitundu ez'eŋŋaano, ne kilo bbiri n'obutundu bubiri n'ekitundu eza sayiri.

14 Omugabo ogw'amafuta, ogupimibbwa n'ensuwa, guliba lita bbiri n'obutundu bubiri.

15 Era muliwaayo endiga emu okuva mu kisibo ekimu, buli kisibo nga kirimu endiga ebikumi bibiri, ezirundibwa ku malundiro amagimu aga Isirayiri. Ebyo bye biriba ebiweebwayo eby'obutta n'ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebiweebwayo olw'emirembe, okubatangiriranga, bw'ayogera Mukama Katonda.

16 Abantu bonna ab'omu nsi banaawangayo ekirabo ekyo eri omulangira mu Isirayiri.

17 Omulangira anavunaanyizibwanga okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebiweebwayo eby'obutta, n'ebiweebwayo eby'okunywa ku mbaga ez'emyezi egyakaboneka n'eza Ssabbiiti, ne ku mbaga zonna ezaalagirwa ez'ennyumba ya Isirayiri; y'anaagabulanga ebiweebwayo olw'ebibi, n'ebiweebwayo eby'obutta, n'ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebiweebwayo olw'emirembe, okutangiriranga ennyumba ya Isirayiri.

18 " 'Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti, Mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'olubereberye mu mwezi, oliddira ente ennume nga nto eteriiko kamogo, n'ogiwaayo okutukuza awatukuvu.

19 Kabona anaddiranga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi n'agumansira ku mifuubeeto gy'enzigi za yeekaalu, ne ku nsonda ennya ez'ekyoto ne ku mifuubeeto egy'omulyango ogw'oluggya olw'omunda.

20 Bwe mutyo bwe munaakolanga ku lunaku olw'omusanvu olw'omwezi ku lw'omuntu yenna aliba ayonoonye mu butali bugenderevu n'oyo aliba ayonoonye olw'obutamanya; bwe mutyo bwe munaatangiririranga eyeekaalu.
21 " 'Mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'ekkumi n'ennya mukwatenga Okuyitako, era ku mbaga eyo munaalyanga emigaati egitali mizimbulukuse okumala ennaku musanvu.
22 Ku lunaku olwo omulangira alireeta ku lulwe ne ku lw'abantu bonna ab'omu nsi ente ennume nga nto okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
23 Buli lunaku mu nnaku omusanvu ez'embaga, anaawangayo ente ennume nga nto musanvu n'endiga ennume musanvu nga teziriiko kamogo, okuba ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA.
24 Anaagabanga n'ekiweebwayo eky'obutta, kilo mwenda ku lwa buli nte nto ennume, n'efa ku lwa buli ndiga ennume, ne lita nnya ez'amafuta buli efa.
25 " 'Mu mwezi ogw'omusanvu, ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano mu mwezi, anaateekwa okugabanga ebiweebwayo olw'ekibi, n'ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebiweebwayo eby'obutta n'amafuta okumala ennaku musanvu ez'embaga.'

# 46

1 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, Omulyango ogw'oluggya olw'omunda olutunuulira Ebuvanjuba gunaabanga muggale ennaku mukaaga ezikolerwamu, naye ku lunaku olwa Ssabbiiti ne ku lunaku olw'omwezi ogwakaboneka gunaggulwanga.
2 Omulangira anaayingiririranga mu kisasi okuva ebweru, n'ayimirira awali omufuubeeto ogw'omulyango. Bakabona banaateekateekanga ekiweebwayo kye ekyokebwa n'ebiweebwayo bye olw'emirembe. Anaasinzizanga awayingirirwa ku mulyango; n'oluvannyuma anaafulumanga, naye oluggi teluggalwenga okutuusa akawungeezi.
3 Bwe batyo n'abantu ab'omu nsi bateekwa okusinzizanga ku luggi olw'omulyango mu maaso ga MUKAMA ku Ssabbiiti ne ku myezi egyakaboneka.
4 Ekiweebwayo ekyokebwa omulangira ky'anaaleetanga eri MUKAMA ku lunaku olwa Ssabbiiti kinaabanga abaana b'endiga ennume mukaaga nga tebaliiko kamogo n'endiga ennume enkulu emu eteriiko kamogo;
5 n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke ekinaaweebwangayo n'endiga ennume kinaabanga kilo kkumi na mukaaga, n'ekiweebwayo eky'obutta ekinaaweebwangayo n'abaana b'endiga ennume binaabanga ebirabo, awamu ne lita nnya ez'amafuta eza buli efa.
6 Ku lunaku olw'omwezi ogwakaboneka anaawangayo ente ennume nga nto eteriiko kamogo, n'abaana b'endiga mukaaga n'endiga ennume nga nkulu, ebitaliiko kamogo;
7 era anaawangayo ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke kilo kkumi na mukaaga ku lw'ente ennume, n'eky'emmere ey'empeke n'endiga ennume emu, n'abaana b'endiga nga bye birabo, awamu ne lita nnya ez'amafuta eza buli efa.
8 Awo omulangira bw'anaayingiranga, anaayitanga mu kisasi ky'omulyango, era mu kkubo lye limu eryo mw'anaafulumiranga.
9 " 'Abantu ab'omu nsi bwe banajjanga mu maaso ga MUKAMA ku mbaga ezaalagirwa, buli anaayingiranga mu mulyango ogw'Obukiikakkono okusinza, anaafulumiranga mu mulyango ogw'Obukiikaddyo; ne buli

anaayingiriranga mu mulyango ogw'Obukiikaddyo anaafulumiranga mu
mulyango ogw'Obukiikakkono; tewaabenga muntu addirayo mu kkubo
ery'omulyango mwe yayingiridde, naye anaayitangamu buyisi n'aggukira
ku luuyi olwolekera lwe yayingiriddeko.
10 Omulangira anaabeeranga wakati mu bo, bwe banaayingiranga, naye
anaayingiranga, bwe banaafulumanga, naye anaafulumanga.
11 Ku mbaga ne mu biseera ebyalondebwa bino bye binaabanga
ebiweebwayo: ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga kya kilo kkumi
na mukaaga n'ente ennume emu ne kilo kkumi na mukaaga ez'emmere
ey'empeke n'endiga ennume emu, awamu n'abaana b'endiga ng'omuntu
bw'anaayinzanga, ng'okwo kw'otadde lita nnya ez'amafuta eza buli efa.

12 " 'Awo omulangira bw'anaateekateekanga ekyo ky'asiimye ku
bubwe n'akiwaayo eri MUKAMA, ng'ekiweebwayo ekyokebwa oba
ng'ebiweebwayo olw'emirembe, anaaggulirwangawo omulyango
ogutunuulira obuvanjuba, era nnaawangayo ekiweebwayo kye
ekyokebwa oba ekiweebwayo kye olw'emirembe nga bw'akola ku lunaku
olwa Ssabbiiti. N'oluvannyuma ng'amaze anaafulumanga, omulyango ne
guggalwa.

13 " 'Munaawangayo omwana gw'endiga ogw'omwaka ogumu ogutali-
iko kamogo okuba ekiweebwayo eri MUKAMA buli lunaku; ekyo mu-
naakikolanga buli nkya.
14 Munaakiweerangayo n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke buli
nkya, ekiri kilo bbiri n'obutundu musanvu n'ekitundu awamu ne lita
ennya ez'amafuta okunnyikiza obutta obulungi okuwangayo ekiweeb-
wayo eky'emmere ey'empeke eri MUKAMA ekya buli lunaku; kinaabanga
ekiragiro ekitaliggwaawo.
15 Noolwekyo omwana gw'endiga n'ekiweebwayo eky'obutta, n'amafuta
binaaweebwangayo buli nkya okuba ekiweebwayo ekyokebwa ekya
bulijjo.

16 " 'Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti; Omulangira
bw'anaagabiranga omu ku batabani be ekirabo okuva ku by'omugabo
gwe, kinaabanga busika bwa bazzukulu be; era nga bwansikirano.
17 Naye omulangira bw'anaddiranga ekirabo okuva ku by'omugabo
gwe n'akiwa omu ku baddu be, kinaabanga kikye okutuuka ku mwaka
ogw'eddembe, n'oluvannyuma kinaddizibwanga omulangira kubanga
omugabo gunaabanga gugwe n'abaana be bokka.
18 Omulangira taatwalenga ttaka ly'abantu okubagoba mu butaka
bwabwe; anaagabiranga abaana be omugabo gwabwe okuva ku butaka
bwe, waleme okubaawo omuntu yenna ku bantu bange aggyibwako
obutaka bwe.' "

19 Awo omusajja n'ampisa mu mulyango ku luuyi olw'omulyango
wakati w'ebisenge ebitukuvu ebya bakabona olutunuulira Obukiikakkono,
n'andaga ekifo ku luuyi olusembayo Ebugwanjuba.
20 N'aŋŋamba nti, "Kino kye kifo bakabona we banaafumbiranga
ekiweebwayo olw'omusango n'ekiweebwayo olw'ekibi, era gye banaa-
fumbiranga emigaati egy'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke, baleme
okubifulumya mu luggya olw'ebweru okutukuza abantu."

21 N'oluvannyuma omusajja n'antwala mu luggya olw'ebweru,
n'annambuza ensonda ennya ez'oluggya, mu buli nsonda ne ndabamu
oluggya olulala.

22 Mu nsonda ennya ez'oluggya mwalimu empya entonotono obuwanvu
mita amakumi abiri mu emu n'obugazi mita kkumi na ttaano ne desimoolo
musanvu, era nga za kigera kimu.
23 Munda okwetooloola empya mwalimu ebifo eby'okuweesezaamu nga
mulimu n'ebyoto wansi w'embu enjuuyi zonna.
24 N'aŋŋamba nti, "Gano ge mafumbiro abaweereza gye banaafumbi-
ranga sssaddaaka abantu ze banaawangayo mu yeekaalu."

# 47

*Oluzzi Olusibuka mu Yeekaalu*

1 Awo omusajja n'ankomyawo ku mulyango ogwa yeekaalu, ne
ndaba amazzi nga gava wansi w'omulyango gwa yeekaalu ku
luuyi olw'ebuvanjuba kubanga yeekaalu yali etunudde ku luuyi
olw'ebuvanjuba. Amazzi gaali gakulukuta nga gava wansi ku luuyi
olwa ddyo olwa yeekaalu, ku luuyi olw'Obukiikaddyo obw'ekyoto.
2 N'anfulumiza mu mulyango gw'Obukiikakkono, n'ankulembera
n'anneetoolooza ebweru eri oluggi olw'ebweru olutunuulidde Ebuvan-
juba, era laba amazzi gaali gakulukuta okuva ku luuyi olw'Obukiikaddyo.
3 Awo omusajja eyalina olupimo mu mukono gwe, n'alaga ku luuyi
olw'ebuvanjuba yapima mita ebikumi bina mu ataano, n'alyoka ampisa
mu mazzi, agaali gakoma mu bukongovvule.
4 N'apima mita endala ebikumi bina mu ataano, n'ampisa mu mazzi
agaali gankoma mu maviivi. N'apima mita endala ebikumi bina mu
ataano, n'ampisa mu mazzi agaali gankoma mu kiwato.
5 N'apima mita endala ebikumi bina mu ataano, naye kati amazzi
gaali gafuuse mugga gwe nnali sisobola kusomoka kubanga amazzi gaali
gatumbidde era nga mangi agawugibwamu obuwugirwa, omugga ogwali
gutasoboka kusomokebwa.
6 N'ambuuza nti, "Omwana w'omuntu, kino okiraba?"
N'anzizaayo ku lubalama lw'omugga.
7 Awo bwe natuuka eyo, laba ne ndaba ku lubalama lw'omugga emiti
mingi nnyo eruuyi n'eruuyi w'omugga.
8 N'aŋŋamba nti, "Amazzi gano gakulukuta gadda mu kitundu eky'ensi
eky'Ebuvanjuba, ne gaserengeta mu ddungu, ne gayingira mu Nnyanja.*
Omugga bwe guyiwa mu Nnyanja† amazzi ne galongooka.
9 Buli kiramu tekirifa yonna omugga gye guyita, era mulibeeramu ebyen-
nyanja bingi nnyo, kubanga amazzi gano agakulukutirayo gafuula amazzi
ag'omu Nnyanja ey'Omunnyo okuba amalungi, noolwekyo omugga gye
guyita, ebintu byonna binaabeeranga biramu.
10 Abavubi banaayimiriranga ku lubalama lwagwo okuva mu Engedi
okutuuka e Negalayimu; walibeerayo ebifo ebyokwanikamu obutimba.
Buli byannyanja biriba mu bika byabyo, era nga bingi nnyo nnyini
ng'ebyennyanja eby'omu Nnyanja Ennene, ye Meditereeniya.
11 Naye ebifo eby'ettosi n'ebisaalu tebirilongooka, birisigala nga bya
munnyo.
12 Emiti egy'ebibala ebya buli kika girimera eruuyi n'eruuyi w'omugga,
n'ebikoola byagyo tebiriwotoka era tegiibulengako bibala. Buli mwezi
ginaabeerangako ebibala, kubanga amazzi gaagyo agava mu Watukuvu
gagifukirira. Ebibala byagyo biriba mmere, n'ebikoola byagyo biriba
ddagala eriwonya."

* **47:8** ye Nnyanja ey'Omunnyo † **47:8** ye Nnyanja ey'Omunnyo

*Ensalo ez'Ensi*

13 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti, "Bwe muti bwe munaasala ensalo nga mugabanya ensi mu bika bya Isirayiri ekkumi n'ebibiri, ng'ekika kya Yusufu kiweebwa emigabo ebiri.
14 Muligibagabanyizaamu mu bwenkanya, kubanga nagirayirira bajjajjammwe, era ettaka liriba mugabo gwabwe.

15 "Ensalo z'ensi eyo ziriba bwe ziti:

"Ku luuyi olw'Obukiikakkono, eriva ku Nnyanja Ennene ku mabbali g'ekkubo ery'e Kesulooni okutuuka awayingirirwa e Kamasi, ng'ogenda e Zedadi,
16 Berosa, Sibulayimu ekiri ku nsalo wakati w'e Ddamasiko n'e Kamasi, okutuukira ddala e Kazerukattikoni ekiri ku nsalo y'e Kawulaani.
17 Era ensalo eriva ku nnyanja okutuuka e Kazalenooni ekiri ku nsalo y'e Ddamasiko ey'Obukiikakkono, okuliraana Kamasi mu Bukiikakkono. Era eyo y'eriba ensalo ey'Obukiikakkono.
18 Ku luuyi olw'ebuvanjuba ensalo eriva e Kazalenooni ekiri wakati wa Kawulaani ne Ddamasiko ku lubalama lwa Yoludaani wakati wa Gireyaadi n'ensi ya Isirayiri era n'okutuuka ku nnyanja ey'Ebuvanjuba. Eyo y'eriba ensalo ey'Ebuvanjuba.
19 Ku luuyi olw'Obukiikaddyo eriva e Tamali okutuukira ddala ku mazzi ag'e Meribosukadesi, ne ku kagga ak'e Misiri okutuuka ku Nnyanja Ennene. Eyo y'eriba ensalo ey'Obukiikaddyo.
20 Ku luuyi olw'ebugwanjuba, Ennyanja Ennene, ye Meditereeniya y'eriba ensalo okutuuka awayolekera awayingirirwa e Kamasi, era eyo y'eriba ensalo ey'Ebugwanjuba.

21 "Muligabana ensi eno ng'ebika bya Isirayiri bwe biri.
22 Muligigabana ng'omugabo wakati wammwe ne bannaggwanga abali nammwe, abazaalidde abaana mu mmwe. Mulibatwala ng'abazaaliranwa ba Isirayiri, era baligabana omugabo mu bika bya Isirayiri.
23 Era mu buli kika munnaggwanga mw'anaabeeranga, eyo gye mulimuwa omugabo gwe," bw'ayogera MUKAMA Katonda.

# 48

*Okugabana kw'Ettaka*

1 "Gano ge mannya g'ebika:

"Ku nsalo ey'Obukiikakkono, okuva ku nnyanja n'okuyita mu kkubo Agekusulooni okutuuka awayingirirwa mu Kamasi n'okutuuka Kazalenooni ekiri ku nsalo y'e Ddamasiko ku luuyi olw'Obukiikakkono okuliraana Kamasi, okuva ku luuyi olw'ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw'ebugwanjuba, gwe guliba omugabo gwa Ddaani.
2 N'okuliraana Ddaani okuva ku luuyi olw'ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw'ebugwanjuba guliba mugabo gwa Aseri.
3 N'okuliraana Aseri okuva ku luuyi olw'ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw'ebugwanjuba guliba mugabo gwa Nafutaali.
4 N'okuliraana Nafutaali okuva ku luuyi olw'ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw'ebugwanjuba guliba mugabo gwa Manase.

5 N’okuliraana Manase okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku
luuyi olw’ebugwanjuba guliba mugabo gwa Efulayimu.
6 N’okuliraana Efulayimu okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku
luuyi olw’ebugwanjuba guliba mugabo gwa Lewubeeni.
7 N’okuliraana Lewubeeni okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku
luuyi olw’ebugwanjuba guliba mugabo gwa Yuda.

8 “Okuliraana Yuda okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku
luuyi olw’ebugwanjuba gwe guliba omugabo gwe muligaba ng’ekirabo
eky’enjawulo. Obugazi guliba mayilo munaana, n’obuwanvu okuva ku
luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba guliba ekipimo
kye kimu, ng’ogumu ku migabo gy’ebika. Mu makkati g’ekitundu ekyo we
waliba ekifo ky’Awatukuvu.
9 “Omugabo ogw’enjawulo gwe muligabira MUKAMA guliba obuwanvu
mayilo munaana n’obugazi mayilo ssatu.
10 Omugabo ogwo ogwawuddwako guliba gwa bakabona era guliba
mayilo munaana obuwanvu ku luuyi olw’ebuvanjuba, n’obugazi
mayilo ssatu ku luuyi olw’Obukiikakkono, n’obugazi mayilo ssatu
ku luuyi olw’ebugwanjuba n’obuwanvu mayilo munaana ku luuyi
olw’Obukiikaddyo. Mu makkati g’ekitundu ekyo we waliba ekifo
ky’Awatukuvu wa MUKAMA.
11 Ekifo ekyo kiriba kya bakabona abaatukuzibwa bazzukulu ba Zadooki,
abaamperezanga n’obwesigwa ne batawaba ng’abaana ba Isirayiri bwe
baakola, era ng’Abaleevi abalala bwe banvaako.
12 Kiriba kirabo kyabwe eky’enjawulo ekiggiddwa ku mugabo ogwawud-
dwa ku nsi, ekifo ekitukuvu ennyo okuliraana ekitundu ky’Abaleevi.
13 “Okuliraana ekitundu ekya bakabona, Abaleevi balifuna omugabo,
obuwanvu mayilo munaana n’obugazi mayilo ssatu. Obuwanvu bwonna
buliba mayilo munaana n’obugazi mayilo ssatu.
14 Tebateekwa kukitunda newaakubadde okukiwaanyisa; wadde okug-
gyamu ebibala ebisooka eby’omu nsi kubanga kitukuvu eri MUKAMA.
15 “Ekitundu ekirifikkawo ekiweza obuwanvu mayilo munaana
n’obugazi mayilo emu kiriba kifo kya bulijjo eky’ekibuga, okuzimbamu
ennyumba. Ekibuga kiriba wakati wakyo,
16 era ebipimo byakyo biriba ku luuyi olw’Obukiikakkono mayilo
emu n’ekitundu ne ku luuyi olw’Obukiikaddyo mayilo emu n’ekitundu,
ne ku luuyi olw’ebuvanjuba mayilo emu n’ekitundu, ne ku luuyi
olw’ebugwanjuba mayilo emu n’ekitundu.
17 Ekifo ekiri ebbali w’ekibuga kiriba n’ebipimo byakyo; ku lu-
uyi olw’Obukiikakkono mita ebikumi bibiri mu nkaaga, ne ku lu-
uyi olw’Obukiikaddyo mita ebikumi bibiri mu nkaaga, ne ku lu-
uyi olw’ebuvanjuba mita ebikumi bibiri mu nkaaga, ne ku luuyi
olw’ebugwanjuba mita ebikumi bibiri mu nkaaga.
18 Ekitundu ekirifikkawo okuliraana omugabo omutukuvu, kiriba
obuwanvu mayilo ssatu ku luuyi olw’ebuvanjuba ne mayilo ssatu ku
luuyi olw’ebugwanjuba, n’ebibala byamu bye biriba emmere y’abakola
mu kibuga.
19 Abakola mu kibuga baliva mu bika byonna ebya Isirayiri.
20 Ekifo kyonna awamu kiriba kyenkana obuwanvu n’obugazi ze mayilo
munaana buli luuyi. Ekyo kye kiriba ekirabo eky’enjawulo eky’omugabo
omutukuvu, awamu n’ettaka ly’ekibuga.

21 “Ekitundu ekirifikkawo ku njuyi zombi ez’omugabo omutukuvu
n’ettaka ly’ekibuga biriba bya mulangira. Okugenda mu Buvanjuba
ekimu kiriba mayilo munaana ez’omugabo omutukuvu okutuuka ku nsalo
ey’Ebuvanjuba, n’ekirala okudda mu Bugwanjuba kiriba mayilo munaana
okutuuka ku nsalo ey’Ebugwanjuba. Ebifo ebyo byombi okuliraana
emigabo egy’ebika biriba bya mulangira. Omugabo omutukuvu, awamu
n’Awatukuvu wa yeekaalu, biriba wakati wakyo.
22 Ekitundu ky’Abaleevi n’ettaka ly’ekibuga biriba wakati mu kitundu
ky’omulangira. Ekifo ky’omulangira kiriba wakati w’ensalo ya Yuda
n’ensalo ya Benyamini.

23 “N’ebika ebirala birigabana bwe biti:

“Okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba,
gwe guliba omugabo gwa Benyamini.
24 N’okuliraana ensalo ya Benyamini okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba
okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba, guliba mugabo gwa Simyoni.
25 N’okuliraana ensalo ya Simyoni okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba
okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba, guliba mugabo gwa Isakaali.
26 N’okuliraana ensalo ya Isakaali okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba
okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba, guliba mugabo gwa Zebbulooni.
27 N’okuliraana ensalo ya Zebbulooni okuva ku luuyi olw’ebuvanjuba
okutuuka ku luuyi olw’ebugwanjuba, guliba mugabo gwa Gaadi.
28 N’okuliraana ensalo ya Gaadi ku luuyi olw’Obukiikaddyo, ensalo eriba
kyenkanyi okuva ku Tamali n’etuuka ku mazzi ag’e Meribasukadeesi,
n’okutuukira ddala ku Nnyanja Ennene, ye Meditereniyaani.

29 “Obwo bwe butaka bw’oligabanya ng’omugabo mu bika bya
Isirayiri, era egyo gye giriba emigabo gyabwe,” bw’ayogera
MUKAMA Katonda.

*Emiryango egy’Ekibuga*

30 “Gino gye giriba emiryango egy’ekibuga egifulumirwamu:

“Okuva ku luuyi olw’Obukiikakkono, obuli mayilo emu n’ekitundu
obuwanvu,
31 emiryango girituumibwa ng’ebika bya Isirayiri bwe biri. Era
emiryango egy’oluuyi olwo giriba esatu, omulyango ogwa Lewubeeni,
n’omulyango ogwa Yuda n’omulyango gwa Leevi.
32 Ne ku luuyi olw’ebuvanjuba obuli mayilo emu n’ekitundu obuwanvu,
emiryango giriba esatu: omulyango ogwa Yusufu, n’omulyango ogwa
Benyamini, n’omulyango ogwa Ddaani.
33 Ne ku luuyi olw’Obukiikaddyo obuli mayilo emu n’ekitundu
obuwanvu, emiryango giriba esatu: omulyango ogwa Simyoni,
n’omulyango ogwa Isakaali, n’omulyango ogwa Zebbulooni.
34 Ne ku luuyi olw’Obugwanjuba obuli mayilo emu n’ekitundu
obuwanvu, emiryango giriba esatu: omulyango ogwa Gaadi,
n’omulyango ogwa Aseri, n’omulyango ogwa Nafutaali.

35 “Okwetooloola ekibuga waliba mayilo mukaaga obuwanvu.

“N’erinnya ly’ekibuga okuva mu kiseera ekyo liriba: ‘MUKAMA Katonda
ali omwo.’ ”

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Danyeri

*Okutendekebwa kwa Danyeri mu Babulooni*

1 Mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwa Yekoyakimu kabaka wa
Yuda, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'alumba Yerusaalemi.
2 Mukama n'awaayo Yekoyakimu kabaka wa Yuda, mu mukono gwa
Nebukadduneeza, era n'ebintu ebimu eby'omu yeekaalu ya Katonda,
Nebukadduneeza n'abiggyamu n'abitwala e Babulooni n'abiteeka mu
ggwanika ery'omu ssabo lya lubaale we.
3 Nebukadduneeza n'alagira Asupenaazi omukulu w'abalaawe be
alonde mu Bayisirayiri ab'omu lulyo olulangira, ne mu bakungu,
4 abavubuka abataliiko kamogo, abalabika obulungi mu maaso, nga
bategeevu mu nsonga zonna ne mu by'amagezi byonna, era abakal-
abakalaba mu kutegeera, era abasaanira okuweereza mu lubiri lwa
kabaka. Asupenaazi yalina obuvunaanyizibwa obw'okubayigirizanga
amagezi g'Abakaludaaya, n'olulimi lwabwe.
5 Kabaka n'alagira baweebwenga ku mmere ne ku wayini ebyagabul-
wanga ku mmeeza ya kabaka. Baali baakutendekebwa okumala emyaka
esatu, n'oluvannyuma bagende baweereze kabaka.
6 Mu abo abaalondebwa mwe mwali abaava mu Yuda, era n'amannya
gaabwe baali Danyeri, ne Kananiya, ne Misayeri, ne Azaliya.
7 Asupenaazi n'abawa amannya amaggya: Danyeri n'amutuuma Berute-
sazza, Kananiya n'amutuuma Saddulaaki, Misayeri n'amutuuma Mesaki,
ne Azaliya n'amutuuma Abeduneego.
8 Naye Danyeri n'amalirira mu mutima gwe obuteeyonoonyesa na
mmere na wayini ebyavanga ku mmeeza ya kabaka, n'asaba Asupenaazi
amukkirize aleme kweyonoonyesa.
9 Mu biro ebyo Katonda n'akozesa Asupenaazi okulaga ekisa
n'okusaasira eri Danyeri.
10 Asupenaazi n'agamba Danyeri nti, "Ntidde mukama wange kabaka,
eyalagidde mulye emmere eyo n'ebyokunywa ebyo. Singa anaabalaba nga
mukozze okusinga abavubuka abalala ab'emyaka gyammwe, kabaka ajja
kunzita."
11 Awo Danyeri n'agamba omusigire wa Asupenaazi, Asupenaazi gwe
yassaawo okulabiriranga Danyeri, ne Kananiya, ne Misayeri ne Azaliya
nti,
12 "Nkwegayiridde ogezese abaddu bo okumala ennaku kkumi,
oleme kubawa kintu kirala kyonna okuggyako enva endiirwa n'amazzi
ag'okunywa.
13 N'oluvannyuma otugeraageranye n'abavubuka abalala abalya ku
mmere ya kabaka, olyoke okole nga bw'onoolaba."
14 N'akkiriziganya nabo ku nsonga eyo, n'abagezesa okumala ennaku
kkumi.
15 Awo ennaku ekkumi bwe zaggwaako, bo baali banyiridde era nga
bafaanana bulungi okusinga abavubuka abaalyanga ku mmere ya kabaka.
16 Awo omusigire n'alekayo okubawa emmere yaabwe ey'enjawulo ne
wayini gwe baali bateekwa okunywa, n'abawa enva endiirwa.

17 Abavubuka abo abana, Katonda n'abawa amagezi n'okutegeera eby'okuyiga eby'engeri zonna; Danyeri n'asukkirira mu kutegeera okw'okuvvuunula okwolesebwa okw'engeri zonna, n'ebirooto.

18 Awo ekiseera kabaka kye yalagira abavubuka bonna baleetebwe, bwe kyatuuka, Asupenaazi n'abaleeta n'abalaga eri Nebukadduneeza.

19 Kabaka n'ayogera nabo, ne mutalabika mu bo bonna eyenkanaankana nga Danyeri, ne Kananiya, ne Misayeri ne Azaliya mu kutegeera; kyebaava baweebwa emirimu egy'obuvunaanyizibwa mu lubiri lwa kabaka.

20 Buli nsonga ey'amagezi n'ey'okutegeera kabaka gye yababuuzanga, baali bagitegeera emirundi kkumi okusinga abasawo n'abafumu bonna, mu bwakabaka bwe bwonna.

21 Awo Danyeri n'aba muweereza mukulu mu bwakabaka okutuusa ku mwaka ogw'olubereberye ogwa Kabaka Kuulo.

# 2

*Ekirooto kya Nebukadduneeza*

1 Mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa kabaka Nebukadduneeza, Nebukadduneeza n'aloota ekirooto; ne yeeraliikirira nnyo, n'otulo ne tumubula.

2 Awo kabaka n'atumya abasawo, n'abafumu, n'abalaguzi n'Abakaludaaya okumutegeeza ekirooto kye yaloota. Ne bajja ne bayimirira mu maaso ga kabaka.

3 N'abagamba nti, "Naloota ekirooto ekimbuzizza otulo, njagala mukintegeeze n'amakulu gaakyo."

4 Awo Abakaludaaya ne baddamu kabaka mu lulimi Olusuuli nti, "Ayi kabaka, owangaale emirembe gyonna! Buulira abaddu bo ekirooto, nabo banaakunnyonnyola amakulu gaakyo."

5 Kabaka n'addamu Abakaludaaya nti, "Kino kye nsazeewo; bwe mutantegeeze kirooto ekyo, n'amakulu gaakyo, nzija kulagira mutemebwetemebwe, era n'amayumba gammwe gamenyebwemenyebwe.

6 Kyokka bwe munaantegeeza ekirooto n'amakulu gaakyo, nnaabawa ebirabo, n'empeera, n'ekitiibwa kinene. Noolwekyo mumbuulire ekirooto n'amakulu gaakyo."

7 Ne bamuddamu nate nti, "Tubuulire ekirooto kyo, tusobole okukubuulira amakulu gaakyo."

8 Awo kabaka n'addamu nti, "Ntegeeredde ddala nga mwagala kufuna bbanga ddene, kubanga mutegedde nga kye nsazeewo mmaliridde okukikola,

9 era bwe mutantegeeze kirooto, ekibonerezo kiri kimu kyokka. Mwekobaanye okunnimba n'okumbuulira ebigambo ebikyamu, nga munsuubira okukyusa ku ndowooza yange. Kale nno, muntegeeze ekirooto, munnyinnyonnyole n'amakulu gaakyo."

10 Abakaludaaya ne baddamu kabaka nti, "Tewali muntu n'omu ku nsi ayinza okukola kabaka ky'asaba. Ate era tewabangawo kabaka ne bw'aba w'amaanyi atya oba wa buyinza atya, eyali asabye omulaguzi yenna newaakubadde omufumu yenna newaakubadde Omukaludaaya yenna ekintu ng'ekyo.

11 Kabaka ky'asaba kizibu nnyo. Tewali n'omu ayinza kukibikkulira kabaka, wabula bakatonda abatalina mubiri ogwa bulijjo."

12 Ekigambo ekyo ne kisunguwaza nnyo kabaka, kyeyava alagira abagezigezi bonna mu Babulooni okuttibwa.

13 Ekiragiro ne kiyita okutta abagezigezi bonna, era ne wabaawo
abasajja abaatumibwa okunoonya Danyeri ne mikwano gye okubatta.
14 Awo Danyeri n'asisinkana Aliyooki omuduumizi w'abakuumi ba
kabaka, bwe yali ng'agenda okutta abagezigezi ab'e Babulooni; n'ayogera
naye mu magezi n'obukalabakalaba,
15 n'amubuuza nti, "Kyavudde ku ki kabaka okuwa ekiragiro
eky'obukambwe bwe kityo?" Aliyooki n'annyonnyola Danyeri ensonga
eyavaako ekyo.
16 Awo Danyeri n'alaga eri kabaka, n'asaba aweebwe ekiseera okwogera
ne kabaka, alyoke amutegeeze amakulu g'ekirooto.
17 Awo Danyeri n'addayo ewuwe, n'ategeeza mikwano gye Kananiya, ne
Misayeri ne Azaliya,
18 n'abagamba basabe Katonda ow'eggulu abalage ekisa ababikkulire
amakulu ag'ekyama ekyo, ye ne banne baleme kuzikirizibwa wamu
n'abagezigezi abalala ab'e Babulooni.
19 Mu kiro ekyo Danyeri n'afuna okwolesebwa ku kigambo ekyo,
n'atendereza Katonda ow'eggulu.
20 N'ayogera nti,

"Erinnya lya Katonda litenderezebwenga emirembe n'emirembe,
kubanga amagezi n'obuyinza bibye.
21 Ategeera ebiseera n'ebiro;
assaawo bakabaka era aggyawo bakabaka;
awa amagezi abagezigezi,
era n'okumanyisa abo abategeevu.
22 Abikkula ebyama ebyakisibwa edda;
amanyi ebifa mu nzikiza,
n'ekitangaala kibeera naye.
23 Nkwebaza era nkutendereza, Ayi Katonda wa bajjajjange
ompadde amagezi n'amaanyi,
ombikkulidde ekyo kye twakusabye,
otutegeezezza ekirooto kya kabaka."

### *Danyeri Ategeeza Amakulu ag'Ekirooto*

24 Awo Danyeri n'alaga eri Aliyooki, kabaka gwe yali alonze okuzikiriza
abasajja abagezigezi aba Babulooni, n'amugamba nti, "Tozikiriza basajja
bagezigezi ba Babulooni. Ntwala eri kabaka mmutegeeze amakulu
g'ekirooto kye."
25 Amangwago, Aliyooki n'atwala Danyeri eri kabaka, n'ategeeza kabaka
nti, "Nsanze omusajja, omu ku baawaŋŋangusibwa okuva mu Yuda,
asobola okutegeeza kabaka amakulu g'ekirooto kye."
26 Kabaka n'abuuza Danyeri eyayitibwanga Berutesazza nti, "Oyinza
okuntegeeza ekirooto kye nalabye, n'amakulu gaakyo?"
27 Danyeri n'addamu kabaka nti, "Tewali muntu mugezigezi,
newaakubadde omufumu, newaakubadde omulaguzi, newaakubadde
omulogo asobola okutegeeza kabaka ekigambo kye yasabye.
28 Waliwo Katonda ow'omu ggulu annyonnyola abantu
ebitategeerekeka. Abikkulidde Kabaka Nebukadduneeza ebigenda
okubaawo mu nnaku ez'enkomerero. Ekirooto n'okwolesebwa bye
wafuna nga weebase bye bino.
29 "Bwe wali ng'ogalamidde mu kitanda kyo, ayi kabaka omutima gwo
ne gutandika okulowooza ku bintu ebiribaawo, era oyo abikkula ebigambo
ebitategeerekeka bantu abaabulijjo, yakulaze ebigenda okubaawo.

30 Naye ekigambo kino ekitategeerekeka bantu abaabulijjo kimbikkuliddwa, si lwa kuba nga ndi mugezi okusinga abantu abalala bonna, naye nkifunye bwe ntyo, kabaka ategeere amakulu gaakyo, era otegeere ebirowoozo bye wafuna mu mutima gwo.

31 “Watunula, ayi kabaka, era laba, mu maaso go nga wayimiriddewo ekifaananyi ekinene. Ekifaananyi ekyo kyali kinene nnyo, nga kimasamasa nnyo nnyini era nga kya ntiisa.

32 Omutwe gwakyo gwali gwa zaabu ennongoose, ekifuba kyakyo n’emikono gyakyo nga bya ffeeza, n’olubuto lwakyo n’ebisambi byakyo nga bya kikomo,

33 n’amagulu gaakyo nga ga kyuma. N’ebigere byakyo ekitundu ekimu kyali kya kyuma, n’ekitundu ekirala nga kya bbumba.

34 Awo bwe wali ng’okyakitunuulira, olwazi ne lutemebwa, naye si na ngalo, ejjinja ne livaako ne likuba ekifaananyi ku bigere byakyo eby’ekyuma n’ebbumba, ne libyasaayasa.

35 Ekyuma n’ebbumba, n’ekikomo, ne zaabu, byonna ne biyasibwayasibwa wamu, ne bifuuka ng’ebisusunku eby’omu gguuliro mu biro eby’omusana omungi; kibuyaga n’abifuuwa obutalekaawo na kimu. Naye ejjinja eryakuba ekifaananyi ne lifuuka olusozi olunene, ne lujjula ensi yonna.

36 “Ekyo kye kyali ekirooto; kaakano tunaategeeza kabaka amakulu gaakyo.

37 Ggwe, ayi kabaka, ggwe kabaka wa bakabaka, Katonda ow’eggulu gwe yawa obwakabaka, n’obuyinza, n’amaanyi, n’ekitiibwa;

38 era akukwasizza abantu n’ensolo ez’omu nsiko, n’ennyonyi ez’omu bbanga. Buli we bibeera, akuwadde okubifuga, era ggwe mutwe ogwa zaabu.

39 “Bw’olivaawo, obwakabaka obulala buliddawo, obutenkananankana bubwo. N’oluvannyuma waliddawo obwakabaka obwokusatu nga bwa kikomo obulifuga ensi yonna.

40 Oluvannyuma lw’ebyo byonna waliddawo obwakabaka obwokuna obuliba obw’amaanyi ng’ekyuma; era ng’ekyuma ekimenyaamenya ne kibetentabetenta buli kintu, era ng’ekyuma bwe kimenyaamenya obutundutundu, bwe kityo bwe kiribetentabetenta ne kimenyaamenya obwakabaka obulala bwonna.

41 Nga bwe walaba ebigere n’obugere ekitundu nga kya bbumba ery’omububumbi, n’ekitundu nga kya kyuma, bwe butyo obwakabaka bwe buligabanyizibwamu; ate nga bulisigala n’amaanyi ag’ekyuma, nga bwe walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba.

42 Ng’obugere bwe bwali, ekitundu nga kya kyuma n’ekitundu ekirala nga kya bbumba, n’obwakabaka buno buliba bwe butyo, ekitundu ekimu nga ky’amaanyi n’ekitundu ekirala nga kinafu.

43 Era nga bwe walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba bwe batyo n’abantu bwe baliba so tebalisigala bumu, ng’ekyuma bwe kitasobola kwetabula bulungi na bbumba.

44 “Mu biro ebya bakabaka abo, Katonda w’eggulu alissaawo obwakabaka obutalizikirizibwa, so tebuliweebwa bantu balala. Bulizikiriza obwakabaka obwo bwonna, ne bubumalawo, naye bwo bulibeerera emirembe gyonna.

45 Gano ge makulu ag'okwolesebwa okukwata ku jjinja eryatemebwa
mu lusozi, eritatemebwa na ngalo za muntu; eryabetentabetenta ekyuma,
n'ekikomo, n'ebbumba, ne ffeeza, ne zaabu.

"Katonda omukulu abikkulidde kabaka ebigenda okubaawo mu biro
eby'omu maaso. Ekirooto kituufu n'amakulu gaakyo tegabuusibwabu-
usibwa."
46 Awo Kabaka Nebukadduneeza ne yeeyaliira ku lubuto lwe mu
maaso ga Danyeri n'amuwa ekitiibwa, n'alagira okuwaayo obubaane
n'ebiweebwayo eri Danyeri.
47 Kabaka n'agamba Danyeri nti, "Mazima Katonda wo ye Katonda
wa bakatonda era ye Mukama wa bakabaka, era omubikkuzi w'ebyama
ebyakisibwa, kubanga osobozebbwa okututegeeza ekyama ekyakisibwa."
48 Awo kabaka n'akuza Danyeri n'amufuula omuntu omukulu ennyo,
n'amuwa n'ebirabo bingi. N'amufuula mufuzi w'essaza lyonna erya Babu-
looni, n'amuwa n'obuvunaanyizibwa obw'okukulira abasajja abagezigezi
bonna ab'e Babulooni.
49 Awo Danyeri n'asaba kabaka akuze ne Saddulaaki, ne Mesaki,
ne Abeduneego; kabaka n'abafuula abakulembeze n'abawa ebifo
eby'obuvunaanyizibwa mu ssaza ery'e Babulooni, Danyeri ye n'asigala
awali kabaka.

# 3

### *Ekibumbe kya Zaabu n'Ekikoomi ky'Omuliro*

1 Kabaka Nebukadduneeza n'abumbisa ekifaananyi ekya zaabu, obugu-
lumivu mita amakumi abiri mu musanvu n'obugazi mita bbiri ne
sentimita nsanvu, n'alagira kiteekebwe mu lusenyi lwa Dduula, mu ssaza
ly'e Babulooni.
2 N'atumya abaamasaza, n'abaamagombolola, n'abemiruka, n'abawi
b'amagezi, n'abawanika, n'abalamuzi, n'abakungu bonna ab'omu
masaza, bajje ku mukolo ogw'okuwongera ekibumbe Kabaka Nebukad-
duneeza kye yabumbisa.
3 Awo abaamasaza, n'abafuzi, n'abamateeka, n'abawi b'amagezi
n'abawanika, n'abalamuzi, n'abakungu bonna ab'omu masaza, ne
bakuŋŋaana ku mukolo ogw'okuwonga ekibumbe Kabaka Nebukad-
duneeza kye yabumbisa.
4 Awo omulanzi n'ayogerera waggulu mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
"Mulagiddwa, mmwe abantu, n'amawanga, n'abantu ab'ennimi eza buli
ngeri,
5 bwe munaawulira eddoboozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga,
n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna ey'ebivuga
eby'amaloboozi, muteekwa okuvuunama musinze ekibumbe ekya zaabu
Kabaka Nebukadduneeza kye yabumbisa.
6 Omuntu yenna atalivuunama n'akisinza, alisuulibwa mu kikoomi
ekyaka omuliro."
7 Awo amawanga gonna bwe baawulira eddoboozi ly'akagombe,
n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere na buli ngeri
yonna ey'ebivuga eby'amaloboozi, amawanga gonna n'ensi n'abantu
ab'ennimi eza buli ngeri ne bavuunama ne basinza ekibumbe ekya zaabu
Kabaka Nebukadduneeza kye yabumbisa.
8 Awo mu biro ebyo Abakaludaaya abamu ne bawawaabira Abayudaaya.
9 Ne bagenda eri Kabaka Nebukadduneeza ne bamugamba nti, "Wan-
gaala, ayi kabaka!

10 Ggwe ayi kabaka otaddewo etteeka, nti omuntu yenna anaawulira
eddoboozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo,
n'ekkondeere na buli ngeri yonna ey'ebivuga eby'amaloboozi, ateekwa
okuvuunama n'asinza ekifaananyi kya zaabu,
11 era buli atalivuunama n'akisinza alisuulibwa mu kikoomi ekyaka
omuliro.
12 Naye waliwo abamu ku Bayudaaya be walonda okuvunaanyizibwa
ensonga ez'essaza ery'e Babulooni, era be ba Saddulaaki, ne Mesaki
ne Abeduneego abatakuwulirirako ddala ayi kabaka. Tebaweereza
bakatonda bo newaakubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye
wabumbisa."
13 Awo Nebukadduneeza n'asunguwala nnyo n'alagira baleete Saddu-
laaki, ne Mesaki ne Abeduneego gy'ali; ne baleetebwa mu maaso ga
kabaka.
14 Nebukadduneeza n'ababuuza nti, "Ebigambo bye mpulira bituufu nti
mmwe Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego temuweereza bakatonda
bange, newaakubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye nabumbisa?
15 Kaakano, bwe munaawulira eddoboozi ly'akagombe, n'endere,
n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere na buli ngeri yonna
ey'ebivuga eby'amaloboozi, mwetegeke okuvuunama n'okusinza eki-
faananyi kye nabumbisa. Naye bwe mutaakisinze, ku ssaawa eyo yennyini
munaasuulibwa mu kikoomi ekyaka omuliro, kale tulyoke tulabe katonda
oyo anaayinza okubawonya mu mukono gwange."
16 Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego ne baddamu kabaka nti, "Ayi
Nebukadduneeza, tekitugwanira kwewolereza mu maaso go ku nsonga
eyo.
17 Bwe tunaasuulibwa mu kikoomi ekyaka omuliro, Katonda gwe
tuweereza anaatuwonya ekikoomi ekyaka omuliro era anaatulokola mu
mukono gwo, ayi kabaka.
18 Naye ne bwe kitaabe bwe kityo, twagala okimanye, ayi kabaka nga
tetugenda kuweereza bakatonda bo, newaakubadde okusinza ekifaananyi
ekya zaabu kye wabumbisa."
19 Awo Nebukadduneeza ne yeeyongera okusunguwalira Saddulaaki,
ne Mesaki ne Abeduneego, n'amaaso ge ne gaba masunguwavu nnyo
ng'ajjudde obuswandi. N'alagira ekikoomi kyake emirundi musanvu
okusinga ne bwe kyali kyase.
20 N'alagira abamu ku baserikale be ab'amaanyi okusiba Saddulaaki, ne
Mesaki ne Abeduneego, n'oluvannyuma basuulibwe mu kikoomi ekyaka
omuliro.
21 Amangwago ne basiba Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego,
nga bambadde ebyambalo byabwe eby'ekitiibwa, ne seruwale zaabwe,
n'eminagiro gyabwe n'engoye zaabwe endala, ne basuulibwa mu kikoomi
ekyaka omuliro.
22 Olw'okubanga ekiragiro kya kabaka kyali kya mbagirawo nga
n'ekyoto kyaka nnyo nnyini, ennimi ez'omuliro ne zitta abasajja abaa-
situla Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego.
23 Awo abasajja abo abasatu Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego ne
basuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka omuliro nga basibiddwa.
24 Awo Kabaka Nebukadduneeza, mu kwewuunya n'agolokoka mangu
n'abuuza abakungu be nti, "Mu muliro tetwasuddemu abasajja basatu nga
basibiddwa?"

Ne bamuddamu nti, "Bwe kyabadde, ayi kabaka."

25 N'ayogera nti, "Naye nga ndaba abasajja bana nga basumuluddwa
nga batambulira wakati mu muliro, nga tebaliiko kabi ke bakolebbwako,
so n'owookuna ng'afaanana ng'omwana wa bakatonda."
26 Nebukadduneeza n'alyoka asembera ku mulyango gw'ekikoomi
ekyaka omuliro, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Saddulaaki,
ne Mesaki, ne Abeduneego, abaddu ba Katonda Ali Waggulu Ennyo,
mufulume mujje wano."

Awo Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego ne bava mu muliro.
27 Abaamasaza, n'abemiruka, n'abafuzi ab'ebitundu, n'abakungu ba
kabaka ne bakuŋŋaana ne babeetegereza. Ne balaba ng'omuliro tegu-
bookezza, so n'enviiri zaabwe nga tezisiridde, so n'engoye zaabwe nga
tezookeddwa, so n'olusu lw'omuliro nga terubawunyako.
28 Nebukadduneeza n'ayogera nti, "Katonda wa Saddulaaki, ne Mesaki
ne Abeduneego atenderezebwe, aweerezza malayika we n'alokola abaddu
be, abaamwesize, ne bajeemera ekiragiro kya kabaka, ne bawaayo
obulamu bwabwe baleme okuweereza newaakubadde okusinza katonda
yenna wabula Katonda waabwe bo.
29 Noolwekyo nteeka etteeka nga buli muntu ow'eggwanga lyonna,
na buli muntu ow'olulimi lwonna olwa buli ngeri alyogera obubi ku
Katonda wa Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego, alitemebwatemebwa,
n'ennyumba ye erimenyebwamenyebwa, kubanga tewali katonda mulala
ayinza okuwonya mu ngeri eyo."
30 Awo kabaka n'akuza Saddulaaki, ne Mesaki ne Abeduneego mu ssaza
ery'e Babulooni.

# 4

*Ekirooto kya Nebukadduneeza eky'Omuti*

1 Kabaka Nebukadduneeza n'alangirira eri abantu, n'amawanga
n'abantu ab'ennimi eza buli ngeri, mu nsi yonna bw'ati nti:

Emirembe gibeere nammwe!

2 Lye ssanyu lyange okubategeeza ku bigambo eby'amagero era
ebikulu Katonda Ali Waggulu Ennyo byankoledde.

3 Obubonero bwe nga bukulu,
n'eby'amagero bye nga byewuunyisa!
Obwakabaka bwe bwa mirembe na mirembe;
N'okufuga kwe tekuliggwaawo.

4 Nze Nebukadduneeza, nnali mpumulidde mu maka gange wakati mu
bugagga nga mpumuliddeko mu lubiri lwange.

5 Ne ndoota ekirooto ekyantiisa; bwe nnali nga ngalamidde ku kitanda
kyange, ne ndaba ebifaananyi mu kwolesebwa, ebyantiisa.
6 Kyennava ndagira abasajja bonna abagezigezi ab'e Babulooni
baleetebwe mu maaso gange bantegeeze amakulu g'ekirooto.
7 Abalogo, n'abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi ne bajja, ne
mbategeeza ekirooto, naye ne balemwa okuntegeeza amakulu gaakyo.
8 Naye oluvannyuma Danyeri gwe natuuma Berutesazza ng'erinnya
lya katonda wange bwe liri, era nga n'omwoyo ogwa bakatonda
abatukuvu guli mu ye, n'ajja mu maaso gange ne mutegeeza ekirooto.

9 Ne mugamba nti, "Berutesazza, omukulu w'abafumu, mmanyi
ng'omwoyo ogwa bakatonda abatukuvu guli mu ggwe, so tewali
kigambo eky'ekyama ekikuzibuwalira. Ntegeeza ekirooto kyange,
n'amakulu gaakyo.

10 Kuno kwe kwolesebwa kwe nafunye nga ngalamidde ku kitanda
kyange; nalabye omuti wakati mu nsi, nga muwanvu nnyo nnyini.
11 Omuti ne gukula ne guba gwa maanyi, n'entikko yaagwo n'etuuka
ku ggulu era nga gulengerwa okuva ku nkomerero y'ensi zonna.
12 Ebikoola byagwo byali birungi okutunulako, n'ebibala byagwo nga
bingi, era nga gulina emmere emala bonna. Ensolo enkambwe ez'omu
nsiko zaatuulanga mu kisiikirize kyagwo, n'ennyonyi ez'omu bbanga
zaatuulanga ku matabi gaagwo, na buli kiramu kyonna kyalisibwanga.
13 "Awo mu kiseera ekyo nga ngalamidde ku kitanda kyange, mu
kwolesebwa, ne ndaba omubaka omutukuvu ng'ava mu ggulu.
14 N'ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, 'Tema omuti, ote-
meko n'amatabi gaagwo; okunkumule amalagala gaagwo, osaasaanye
n'ebibala byagwo, n'ennyonyi zibuuke zive ku matabi gaagwo.
15 Naye ekikonge ky'ekikolo kyagwo kireke mu ttaka, nga kiriko
ekyuma ekisiba n'ekikomo, mu muddo omuto ku ttale.

" 'Muleke abisiwale n'omusulo ogw'omu ggulu, era muleke agabanire
wamu omuddo, n'ensolo ez'omu nsiko.
16 Era n'amagezi ge ag'obuntu gakyusibwe, afuuke ng'ensolo
enkambwe ey'omu nsiko okumala emyaka musanvu.
17 " 'Omusango ogwo gulangiriddwa ababaka, abatukuvu be baasan-
guza ekisaliddwawo, abalamu balyoke bategeere ng'Oyo Ali Waggulu
Ennyo y'afuga obwakabaka bw'abantu, era abuwa buli gw'asiima, era
alonda abantu abasemberayo ddala okuba aba wansi okubafuga.'
18 "Ekyo kye kirooto, nze Kabaka Nebukadduneeza kye naloose.
Kaakano ggwe Berutesazza, ntegeeza amakulu gaakyo kubanga tewali
n'omu ku basajja abagezigezi mu bwakabaka bwange ayinza okun-
tegeeza amakulu gaakyo. Naye ggwe oyinza, kubanga omwoyo ogwa
bakatonda abatukuvu guli mu ggwe."

### *Danyeri Avvuunula Ekirooto*

19 Awo Danyeri eyayitibwanga Berutesazza n'atawanyizibwa mu
mutima okumala akabanga, ne yeeraliikirira. Kabaka n'amugamba nti,
"Berutesazza, ekirooto n'amakulu gaakyo bireme okukweraliikiriza."

Berutesazza n'addamu nti, "Mukama wange, ekirooto kibe nga
kyogera ku abo abakukyawa, n'amakulu gaakyo gabe nga googera ku
balabe bo!
20 Omuti gwe walaba, ogwakula ne guba gwa maanyi, ogwawanvuwa
ne gutuuka ku ggulu, nga gulabibwa ensi yonna,
21 ogwaliko amalagala amalungi n'ebibala byagwo nga bingi nnyo, era
nga guliko n'emmere emala bonna, nga n'ensolo ez'omu nsiko zituula
mu kisiikirize kyagwo, nga n'ennyonyi ez'omu bbanga zisiisira ku matabi
gaagwo,
22 ye ggwe, ayi kabaka! Okuze n'oba mukulu era n'oba w'amaanyi;
n'obukulu bwo bweyongedde ne butuuka ku ggulu, n'obuyinza bwo
butuuse ku nkomerero y'ensi.
23 "Ggwe ayi kabaka walabye omubaka, era omutukuvu ng'akka
okuva mu ggulu, n'ayogera nti, 'Tema omuti oguzikirize, naye ekikonge
ky'ekikolo kyagwo kireke mu ttaka ng'okisibye n'ekyuma n'ekikomo
mu muddo omuto ogw'oku ttale; era muleke abisiwazibwe omusulo
ogw'omu ggulu, n'omugabo gwe gubeere n'ensolo enkambwe ez'omu
nsiko, emyaka musanvu.'
24 "Gano ge makulu, ayi kabaka, era lino lye tteeka Oyo Ali Waggulu
Ennyo ly'alangiriridde mukama wange kabaka.

25 Oligobebwa okuva mu bantu era olibeera n'ensolo ez'omu nsiko; olirya omuddo ng'ente, era olibisiwala okumala emyaka musanvu okutuusa lw'olitegeera ng'Oyo Ali Waggulu Ennyo y'afuga obwakabaka bw'abantu, era abugabira buli gw'asiima.

26 Ekiragiro eky'okuleka ekikonge ky'ekikolo ky'omuti, amakulu gaakyo ge gano: obwakabaka bwo bulikuddizibwa bw'olitegeera ng'eggulu lye lifuga.

27 Noolwekyo, ayi kabaka nteesa nti; weetoowaze olekeyo ebibi byo okole eby'obutuukirivu, era n'ebikolwa byo ebitali bya butuukirivu obireke obeere wa kisa eri abanyigirizibwa, olyoke ofuuke mugagga okusinga nga bw'oli kaakano."

### *Ekirooto Kituukirira*

28 Ebyo byonna byatuukirira ku Kabaka Nebukadduneeza.

29 Bwe wayitawo emyezi kkumi n'ebiri, kabaka yali atambulira ku kasolya k'olubiri lwe olwa Babulooni,

30 n'ayogera nti, "Ono si ye Babulooni omukulu gwe nazimba n'amaanyi gange amangi okuba ekibuga ekikulu eky'ekitiibwa eky'obwakabaka bwange?"

31 Awo bwe yali ng'akyayogera, eddoboozi ne liva mu ggulu nga ligamba nti, "Kuno kwe kulangirira okukukwatako Kabaka Nebukadduneeza: obwakabaka bwo bukuggyiddwako.

32 Oligobebwa mu bantu era olibeera n'ensolo okumala emyaka musanvu okutuusa lw'olitegeera ng'Oyo Ali Waggulu ennyo y'afuga obwakabaka obw'abantu era abuwa buli gw'asiima."

33 Amangwago ebyayogerwa ku Nebukadduneeza ne bituukirira. N'agobebwa mu bantu era n'alya omuddo ng'ente. Omubiri gwe ne gutoba omusulo ogw'omu ggulu okutuusa enviiri ze lwe zaakula ng'ebyoya by'empungu n'enjala ze ng'enjala z'ennyonyi.

34 Oluvannyuma lw'ebbanga eryo, nze, Nebukadduneeza, ne nnyimusa amaaso gange eri eggulu, amagezi gange ne gakomawo. Ne ntendereza Oyo Ali Waggulu Ennyo, ne muwa ekitiibwa ne mugulumiza oyo abeera omulamu emirembe n'emirembe.

Okufuga kwe tekuliggwaawo,
    n'obwakabaka bwe bwa mirembe na mirembe.
35 Abantu bonna ab'oku nsi
    abalaba nga si kintu,
eggye ery'omu ggulu
    n'abantu ab'oku nsi
    abayisa nga bw'asiima.
Tewali ayinza okumuziyiza,
    newaakubadde okumubuuza nti, "Okola ki?"

36 Mu kiseera kyekimu okutegeera kwange ne kukomawo, n'ekitiibwa n'obuyinza obw'obwakabaka bwange ne bunzirira. Abawi b'amagezi bange n'abakungu bange ne bannoonya, ne banziriza entebe yange ey'obwakabaka ne nnyongerwako obukulu bungi okusinga ne bwe nalina.

37 Kale nze Nebukadduneeza kyennaava mmutendereza era ne mmuwa ekitiibwa ne mmugulumiza Kabaka ow'eggulu, kubanga emirimu gye gyonna gya mazima n'amakubo ge ga nsonga, n'abo ab'amalala abakkakkanya.

# 5

*Ekiwandiiko ku Kisenge*

1 Kabaka Berusazza n'agabula embaga nnene eri abakungu be lukumi, ne banywa omwenge naye.

2 Awo Berusazza, yali ng'anywa omwenge, n'atumya ebikompe ebya zaabu n'ebya ffeeza, Nebukadduneeza kitaawe bye yaggya mu yeekaalu mu Yerusaalemi, ye n'abakungu be, n'abakyala be n'abazaana be babinyweremu.

3 Era ne baleeta ebikompe ebya zaabu n'ebya ffeeza ebyaggyibwa mu yeekaalu ya Katonda mu Yerusaalemi, kabaka n'abakungu be, n'abakyala be n'abazaana be ne babinyweramu.

4 Ne banywa omwenge ne batandika okutendereza bakatonda aba zaabu n'aba ffeeza, n'ab'ebikomo, n'ab'ekyuma, n'ab'emiti n'ab'amayinja.

5 Mu kiseera ekyo ne walabika engalo z'omukono gw'omuntu ne ziwandiika ku kisenge okuliraana ettaala mu lubiri lwa kabaka; kabaka n'alaba ekibatu ky'omukono nga kiwandiika.

6 Entunula ye n'ekyuka, n'atya nnyo, n'amaviivi ge ne gakubagana n'amagulu ge ne galemererwa okumuwanirira.

7 Kabaka n'alagira mu ddoboozi ery'omwanguka baleete abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi. Kabaka n'agamba abasajja abagezigezi abo ab'e Babulooni nti, "Omuntu yenna anaasoma ekiwandiiko ekyo, n'antegeeza amakulu gaakyo, alyambazibwa engoye ez'effulungu era alyambazibwa omukuufu ogwa zaabu mu bulago, era aliba mukulu owa waggulu ow'ekifo ekyokusatu mu bwakabaka."

8 Awo abasajja ba kabaka abagezigezi bonna ne bajja, naye ne balemwa okusoma ekiwandiiko ekyo newaakubadde okutegeeza kabaka amakulu gaakyo.

9 Kabaka Berusazza ne yeeyongera nnyo okweraliikirira, n'entunula ye ne yeeyongera okukyuka; n'abakungu be amagezi ne gababula.

10 Awo muka kabaka bwe yawulira ebigambo ebyatuuka ku kabaka n'abakungu be, n'agenda mu kisenge ekinene embaga mwe yali n'ayogera nti, "Ayi kabaka, owangaale! Leka kweraliikirira, so tokeŋŋentererwa.

11 Waliwo omusajja mu bwakabaka bwo alimu omwoyo gwa bakatonda abatukuvu. Mu mirembe gya kitaawo yasangibwa okuba n'okutegeera, n'amagezi, ng'aga bakatonda, era Kabaka Nebukadduneeza kitaawo, n'amufuula omukulu w'abasawo, n'abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi.

12 Omusajja oyo Danyeri, kabaka gwe yatuuma Berutesazza, yasangibwa ng'alina omwoyo ogw'okutegeera, n'okumanya, n'okulootolola ebirooto, n'okubikkula ebigambo eby'ekyama, n'okutta ebibuuzo ebizibu ennyo. Kale Danyeri ayitibwe, anaakutegeeza amakulu g'ekiwandiiko."

13 Awo Danyeri n'aleetebwa mu maaso ga kabaka, kabaka n'amubuuza nti, "Ggwe Danyeri, omu ku abo abaaleetebwa kabaka kitange mu buwaŋŋanguse okuva mu Yuda?

14 Bantegeezezza ng'omwoyo wa bakatonda abatukuvu ali mu ggwe, era olaba ebitalabibwa bantu abaabulijjo, otegeera era oli w'amagezi amasukkirivu.

15 Abasajja abagezigezi, n'abafumu baaleeteddwa mu maaso gange basome ekiwandiiko ekyo era bantegeeze n'amakulu gaakyo, naye balemeddwa okukinnyonnyola.

16 Naye ntegeezeddwa, ng'oyinza okunnyonnyola amakulu g'ebigambo
ebizibu. Kaakano bw'ononsomera ekiwandiiko ekyo, era n'ontegeeza
n'amakulu gaakyo, onooyambazibwa engoye ez'effulungu n'omukuufu
ogwa zaabu mu bulago, era oliba mukulu owookusatu mu bwakabaka."
17 Awo Danyeri n'addamu kabaka nti, "Ebirabo byo byeterekere,
n'empeera yo ogiwe omuntu omulala. Naye nzija kukusomera ekiwandi-
iko era nkutegeeze n'amakulu gaakyo.
18 "Katonda Ali Waggulu Ennyo yawa Nebukadduneeza kitaawo obwak-
abaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa n'obukulu, ayi kabaka;
19 era olw'obuyinza bwe yamuwa, abantu bonna n'amawanga gonna
n'abantu ab'ennimi zonna baamutyanga era ne bakankana mu maaso
ge. Abo kabaka be yayagalanga battibwe, battibwanga; n'abo be yasonyi-
wanga, baasonyiyibwanga; n'abo be yayagalanga okugulumiza bagulu-
mizibwanga, n'abo be yayagalanga okutoowaza, baatoowazibwanga.
20 Naye omutima gwe bwe gwegulumiza ne gukakanyala olw'amalala
ge, yaggyibwa ku ntebe ye ey'obwakabaka, n'ekitiibwa kye ne kimuggyib-
wako.
21 N'agobebwa mu bantu, n'ebirowoozo bye ne biwaanyisibwa n'aba
ng'ensolo ey'omu nsiko, n'abeera wamu n'endogoyi ez'omu nsiko, n'alya
omuddo ng'ente, n'omubiri gwe ne gutoba omusulo ogw'eggulu, okutuusa
lwe yategeera nga Katonda Ali Waggulu Ennyo, y'afuga obwakabaka
bw'abantu, era y'ateekawo buli gw'asiima.
22 "Naye ggwe mutabani we, Berusazza, teweetoowazizza mu mutima
newaakubadde ng'ebyo byonna wabimanya.
23 Weegulumizizza eri Mukama w'eggulu; ebikompe ebyaggyibwa mu
yeekaalu ye, obitumizzaayo; era ggwe, n'abakungu bo, n'abakyala
bo, n'abazaana bo mubinywereddemu omwenge, n'oluvannyuma
ne mutandika okutendereza bakatonda aba ffeeza, n'aba zaabu,
n'ab'ebikomo, n'ab'ebyuma, n'ab'emiti, n'ab'amayinja abatayinza kulaba
newaakubadde okuwulira newaakubadde okutegeera. Naye Katonda
oyo alina omukka gwo mu ngalo ze, era amanyi engeri zo zonna,
tomugulumizizza.
24 Kale kyeyavudde akusindikira omukono ogwawandiise ebigambo
ebyo.
25 "Era ebigambo ebyawandiikiddwa bye bino nti:

mene, mene, tekel, ufarsin.

26 "N'amakulu gaabyo ge gano:

"*Mene:*[*] Katonda akendezezza ennaku z'obwakabaka bwo era
abukomezza.
27 "*Tekel:*[†] Opimiddwa ku minzaani, era osangiddwa ng'obulako;
28 "*Peres:*[‡] Obwakabaka bwo bugabanyiziddwamu, era buweereddwa
Abameedi n'Abaperusi."
29 Awo amangwago Berusazza n'alagira Danyeri ayambazibwe engoye
ez'effulungu, era bamwambaze omukuufu ogwa zaabu, era n'ekiragiro ne
kiyita nga bw'ali omukulembeze owookusatu mu bwakabaka.
30 Ekiro ekyo Berusazza kabaka w'Abakaludaaya n'attibwa.
31 Daliyo Omumeedi n'alya obwakabaka nga wa myaka nkaaga mu ebiri.

---

[*] **5:26** MENE kiyinza okutegeeza nti kubalibwaKiyinza okutegeeza omuwendo gw'ensimbi [†] **5:27** TEKEL kiyinza okutegeeza nti kupimibwa ku minzaani [‡] **5:28** PERES kiyinza okutegeeza nti kugabanyaamu, ate ng'ebigabanyizibwamu bingiFarsin, ekigabanyizibwamu bwe kiba ekimu

# 6

*Danyeri asuulibwa mu Mpuku y'Empologoma*

1 Daliyo yalonda abaamasaza kikumi mu abiri mu bwakabaka bwonna,

2 era mu abo n'alonda abaabakuliranga basatu, Danyeri nga y'omu ku bo. Abaamasaza baateekebwawo okutegeezanga ng'obwakabaka bwe, bwe bwaddukanyizibwanga, kabaka aleme kufiirizibwa. Era ekyo ne kisanyusa Daliyo.

3 Mu biro ebyo Danyeri n'ayatiikirira nnyo okusinga abakulu abalala bonna n'abaamasaza bonna kubanga yalimu omwoyo omulungi, era kabaka n'ateekateeka okumukuza okuvunaanyizibwanga ensonga zonna z'obwakabaka bwonna.

4 Olwawulira ebyo, abakungu abalala ababiri n'abaamasaza ne basala amagezi okunoonya ensonga ku Danyeri ku nzirukanya ye ey'ebyemirimu egy'obwakabaka, naye ne batayinza kulaba nsonga nkyamu newaakubadde akabi konna, kubanga yali musajja mwesigwa ataalina kwonoona okw'engeri yonna newaakubadde obulagajjavu.

5 Awo abasajja abo ne bayiiya ensonga endala, ne boogera nti, "Tetugenda kulaba nsonga evunaanyisa Danyeri wabula ng'ekwata ku tteeka lya Katonda we."

6 Abakungu abo n'abaamasaza kyebaava bagenda bonna eri kabaka mu kibiina ne boogera nti, "Ayi kabaka Daliyo, owangaale!

7 Abakungu bonna, n'abamyuka baabwe, n'abaamasaza, n'abawi b'amagezi ab'oku ntikko, n'abakungu, bateesezza ne bakkiriziganya okusaba kabaka okuteeka etteeka, n'okuwa ekiragiro ekinywevu, nga buli anaasabanga eri katonda omulala oba omuntu omulala yenna mu nnaku amakumi asatu ezinaddirira, okuggyako ng'asinza ggwe, ayi kabaka, asuulibwe mu mpuku y'empologoma.

8 Kaakano ayi kabaka teeka etteeka era liwandiikibwe, ng'amateeka g'Abameedi n'Abaperusi agatajjulukuka bwe gali, kireme okukyusibwa."

9 Awo kabaka Daliyo n'akola etteeka n'alissaako n'omukono gwe.

10 Awo Danyeri bwe yamanya ng'etteeka liwandiikiddwa, n'agenda ewuwe mu nnyumba ye, n'ayambuka mu kisenge kye ekya waggulu ekyalina amadirisa nga goolekedde Yerusaalemi, n'afukamiranga emirundi esatu olunaku, n'asabanga era ne yeebazanga Katonda we nga bwe yakolanga bulijjo.

11 Awo abasajja bali ne bateekateeka okugenda ng'ekibiina ne basanga Danyeri ng'asaba era nga yeegayirira Katonda we.

12 Ne bagenda eri kabaka ne bamujjukiza ekiragiro ne boogera nti, "Ayi kabaka, tewateeka etteeka nga buli anaasabanga katonda omulala oba omuntu omulala yenna mu nnaku amakumi asatu eziddirira wabula ng'asinza ggwe, alisuulibwa mu mpuku y'empologoma?"

Kabaka n'addamu nti, "Weewaawo, etteeka bwe liri, ng'amateeka g'Abameedi n'Abaperusi bwe gali agatajjulukuka."

13 Awo ne bagamba nti, "Danyeri omu ku baawaŋŋangusibwa okuva mu Yuda, takussaako mwoyo, ayi kabaka, newaakubadde etteeka ly'owandiise. Asaba eri Katonda we emirundi esatu buli lunaku."

14 Kabaka bwe yawulira ebigambo ebyo n'anakuwala nnyo, n'agezaako okuwonya Danyeri, era n'amala olunaku lwonna ng'afuba nnyo okumuwonya.

15 Naye abasajja ne bagenda bonna ng'ekibiina eri kabaka ne bamugamba nti, "Jjukira, ayi kabaka, ng'etteeka ery'Abameedi n'Abaperusi kabaka ly'ataddeko omukono, terikyusibwa."

16 Awo kabaka n'alagira, Danyeri n'aleetebwa, n'asuulibwa mu mpuku y'empologoma. Kabaka n'agamba Danyeri nti, "Nkusabira eri Katonda wo, gw'oweereza bulijjo akulokole!"
17 Ne baleeta ejjinja ne baliteeka ku mulyango gw'empuku, kabaka n'alissaako akabonero ke ye, n'abakungu be ne balissaako obubonero bwabwe, ekigambo kyonna kireme okukyusibwa ku nsonga ya Danyeri.
18 Awo kabaka n'addayo mu lubiri lwe, naye n'atalya kintu na kimu ekiro ekyo, era n'atakkiriza kusanyusibwa, n'otulo ne tumubula.
19 Ku makya ennyo emambya ng'esaze, kabaka n'agolokoka n'ayanguwa okugenda ku mpuku ey'empologoma.
20 Bwe yasembera okumpi ne Danyeri we yali, n'amukoowoola mu ddoboozi ery'ennaku ng'agamba nti, "Danyeri omuddu wa Katonda omulamu, Katonda wo, gw'oweereza bulijjo akuwonyezza empologoma?"
21 Danyeri n'addamu nti, "Wangaala, ayi kabaka.
22 Katonda wange yatumye malayika we, n'aziba emimwa gy'empologoma zireme okunkolako akabi kubanga nasangiddwa nga sirina musango mu maaso ge. Ate ne mu maaso go sirina musango, ayi kabaka."
23 Kabaka n'asanyuka nnyo n'alagira Danyeri aggyibwe mu mpuku. Awo Danyeri n'aggyibwa mu mpuku, n'atasangibwako kiwundu na kimu, kubanga yeesiga Katonda we.
24 Awo amangwago kabaka n'alagira, abasajja abaalumiriza Danyeri baleetebwe, era basuulibwe mu mpuku y'empologoma, wamu ne bakyala baabwe n'abaana baabwe. Baali tebanatuuka na ku ntobo y'empuku, empologoma ne zibasinza amaanyi ne zimenyaamenya amagumba gaabwe gonna.
25 Awo kabaka Daliyo n'awandiikira abantu bonna, n'amawanga gonna n'abantu ab'ennimi zonna mu nsi yonna nti,

"Emirembe gibeere gye muli!

26 "Nteeka etteeka mu buli kitundu ky'obwakabaka bwange bwonna nga ndagira nti abantu bateekwa okutya n'okussaamu Katonda wa Danyeri ekitiibwa.

"Kubanga ye Katonda omulamu,
abeerera emirembe gyonna;
n'obwakabaka bwe tebuliggwaawo,
n'okufuga kwe tekulikoma.
27 Alokola era awonya:
akola obubonero n'ebyamagero
mu ggulu ne ku nsi.
Yalokodde Danyeri
mu mannyo* g'empologoma."

28 Awo Danyeri n'aba n'omukisa mu mirembe gya Daliyo era n'awangaala okutuusa ne mu mirembe gya Kuulo Omuperuzi.

# 7

### *Ekirooto kya Danyeri eky'Ensolo Ennya*

1 Mu mwaka ogw'olubereberye ogw'obufuzi bwa Berusazza kabaka w'e Babulooni, Danyeri n'aloota era n'ayolesebwa ng'agalamidde ku kitanda kye. N'awandiika byonna bye yaloota.

---

* **6:27** mannyo: Bayibuli ey'Olungereza eyogera ku maanyi, naye mu Luganda twogera "mannyo ga mpologoma", kubanga tewaaliwo kulwanagana na mpologoma. Mu buntu empologoma zaali zimusinza amaanyi

2 Danyeri n'ayogera nti, "Mu kwolesebwa kwange ekiro, nalaba empewo
ez'omu ggulu nnya nga zisiikuula ennyanja ennene,
3 n'ensolo enkambwe nnya ez'ebika eby'enjawulo ne ziva mu nnyanja.
4 "Eyasooka yali mpologoma ng'erina ebiwaawaatiro eby'empungu.
Awo bwe nnali nga nkyagitunuulira, ebiwaawaatiro byayo ne bigiku-
unyuukako, n'esitulibwa, n'eyimirira ku magulu abiri ng'omuntu,
n'eweebwa omutima ogw'omuntu.
5 "Ate ne ndaba ensolo enkambwe eyookubiri, eyali ng'eddubu.
N'esitulibwa ku luuyi olumu era yalina embiriizi ssatu mu kamwa kaayo,
n'eragirwa nti, 'Situka olye ennyama nnyingi.'
6 "Oluvannyuma ne ndaba ensolo enkambwe endala eyali ng'engo,
ng'erina ebiwaawaatiro bina eby'ennyonyi, ng'erina n'emitwe ena,
n'eweebwa n'obuyinza okufuga.
7 "N'oluvannyuma mu kwolesebwa kwange ekiro, ne ndaba ensolo
enkambwe eyokuna, nga ya ntiisa, nga ya buyinza era nga ya maanyi
mangi nnyo. Yalina amannyo amanene ag'ekyuma, n'erya n'ebetenta,
n'erinnyirira ebyasigalawo. Yali yanjawulo ku nsolo enkambwe endala,
ng'erina n'amayembe kkumi.
8 "Awo bwe nnali nga nkyalowooza ku mayembe, ne walabika mu maaso
gange ejjembe eddala, ettono, eryava mu ago; n'amayembe asatu ku ago
ag'olubereberye ne gasimbulirwa ddala. Ejjembe eryo lyalina amaaso
ng'ag'omuntu, n'akamwa akaayogeranga eby'okwegulumiza.
9 "Era nga nkyali awo ne ndaba,
"entebe ez'obwakabaka nga ziteekeddwawo,
n'Owedda n'Edda n'atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka.
Ebyambalo bye byali byeru ng'omuzira,
n'enviiri ez'oku mutwe gwe nga njeru ng'ebyoya by'endiga.
Entebe ye ey'obwakabaka yali eyakaayakana ng'ennimi z'omuliro,
ne namuziga zaayo nga zaaka omuliro.
10 Omugga gw'omuliro nga gukulukuta,
nga gukulukutira awo mu maaso ge.
Abantu nkumi na nkumi baamuweerezanga,
n'emitwalo n'emitwalo baayimiriranga mu maaso ge.
Okuwozesa emisango ne kutandika,
ebitabo ne bibikkulwa.
11 "Awo ne neyongera okwetegereza ebigambo eby'okwegulumiza,
ejjembe lye byayogeranga. Ne ntunula okutuusa ensolo enkambwe bwe
yafumitibwa n'ettibwa, n'esuulibwa mu muliro, n'ezikirizibwa.
12 Ensolo enkambwe endala zo zaggibwako obuyinza bwazo, kyokka
ennaku zaazo ne zongerwako.
13 "Mu kwolesebwa okwo ekiro ne ndaba, laba, omuntu eyafaanana
ng'omwana w'omuntu, ng'ajja n'ebire eby'omu ggulu. N'ajja okumpi
n'Owedda n'Edda, n'asembezebwa mu maaso ge.
14 N'aweebwa obuyinza, n'ekitiibwa, n'obwakabaka n'amaanyi agava
waggulu; abantu bonna, n'amawanga gonna, n'abantu ab'ennimi zonna
ne bamusinzanga. Okufuga kwe kwa mirembe na mirembe, tekuligg-
waawo, n'obwakabaka bwe tebulizikirizibwa.

### *Amakulu g'Ekirooto*

15 "Nze Danyeri ne ntawaanyizibwa mu mutima, n'okwolesebwa kwe
nafuna ne kunneeraliikiriza.
16 Ne nsemberera omu ku baali bayimiridde awo ne mubuuza amakulu
g'ebyo byonna.

“N’antegeeza amakulu g’ebintu ebyo, n’aŋŋamba nti,
17 ‘Ensolo enkambwe ezo ennya, be bakabaka abana abalisibuka mu nsi.
18 Naye abatukuvu ab’Oyo Ali Waggulu Ennyo baliweebwa obwakabaka, era buliba bwabwe emirembe n’emirembe, weewaawo okutuusa emirembe gyonna.’
19 “Awo ne njagala okumanya ensolo enkambwe eyokuna ky’etegeeza, etaafaanana ng’endala zonna, eyali ey’entiisa ennyo, amannyo gaayo nga ga kyuma, n’enjala zaayo nga za kikomo, eyabetenta, n’emenyaamenya era n’erinnyirira ezaasigalawo.
20 Ate ne njagala n’okumanya ku by’amayembe ekkumi agaali ku mutwe gwayo, ne ku by’ejjembe liri eddala eryasibuka wakati mu go, asatu ne galivuunamira, ejjembe eryo lye lyalina amaaso n’akamwa akayogeranga eby’okwegulumiza, era mu buyinza nga lirabika okusinga ganne gaalyo.
21 Awo bwe nnali nkyatunula, ejjembe eryo ne lirwana n’abatukuvu ne lyagala okubawangula,
22 okutuusa ow’Edda n’Edda bwe yajja n’asala omusango, abatukuvu b’Oyo Ali Waggulu Ennyo ne bagusinga, era n’ekiseera ne kituuka ne baweebwa obwakabaka.
23 “N’annyinnyonnyola nti, ‘Ensolo enkambwe eyokuna bwe bwakabaka obwokuna obulirabika ku nsi, era tebulifaanana ng’obwakabaka obulala; era bulirya ensi yonna, ne bugirinnyirira ne bugibetentabetenta.
24 Amayembe ekkumi, be bakabaka ekkumi abaliva mu bwakabaka obwo, era walirabikawo n’omulala oluvannyuma lw’abo, atalifaanana ng’aboolubereberye. Aliwangula bakabaka basatu.
25 Alyogera ebigambo ebibi ku Oyo Ali Waggulu Ennyo, era aligezaako okukyusakyusa ebiseera ebyateekebwawo n’amateeka agassibwawo. Era abatukuvu baliweebwayo mu mukono gwe okufugibwa okumala emyaka esatu n’ekitundu.
26 “ ‘Kyokka oluvannyuma omusango gulisalibwa, n’obuyinza bwe ne bumuggyibwako, ne buzikiririzibwa ddala.
27 N’oluvannyuma ekitiibwa, n’obuyinza n’obukulu obw’obwakabaka obuli wansi w’eggulu, buliweebwa abatukuvu b’Oyo Ali Waggulu Ennyo. Obwakabaka bwe bulibeerawo emirembe gyonna, n’amatwale amalala gonna galimugondera ne gamuweereza.’
28 “Ebigambo ebyo wano we bikoma. Naye nze Danyeri natawaanyizibwa nnyo mu mutima, n’amaaso gange ne gammyuka, naye ensonga ezo ne nzeekuuma.”

# 8

## *Okwolesebwa kwa Danyeri okw’Endiga Ennume n’Embuzi Ennume*

1 Mu mwaka ogwokusatu mu mirembe gya Kabaka Berusazza, nze Danyeri ne nfuna okwolesebwa oluvannyuma olwa kuli okwasooka.
2 Mu kwolesebwa okwo ne ndaba nga ndi mu kibuga ekikulu Susani mu ssaza Eramu, nga ndi ku mabbali g’omugga Ulaayi.
3 Ne nnyimusa amaaso gange ne ndaba, laba, endiga ennume eyalina amayembe abiri, n’amayembe ago gombi nga mawanvu naye erimu nga lisinga linnaalyo obuwanvu, ate nga lyo lyakula luvannyuma.
4 Ne ndaba endiga ennume ng’etomera edda ku luuyi olw’ebugwanjuba n’eri obukiikakkono, ne ku luuyi olw’obukiikaddyo. Ne wataba nsolo nkambwe n’emu egisinza amaanyi, ate nga mpaawo ayinza kuwona maanyi gaayo. N’ekola nga bwe yayagala era ne yeefuula ya kitalo.

5 Awo bwe nnali nkyalowooza ku ebyo, amangwago ne walabika embuzi ennume eyalina ejjembe eddene mu kyenyi ng'eva ebugwanjuba, n'esala okuva ku luuyi olumu olw'ensi, okulaga ku luuyi olulala nga terinnye ku ttaka.
6 N'erumba n'obusungu bungi endiga ennume eyalina amayembe abiri, gye nalaba ng'eyimiridde ku mabbali g'omugga.
7 Ne ngiraba ng'esemberera endiga eyo ennume, mu busungu obungi n'egitomera era n'emenya amayembe gaayo gombi; endiga ennume n'eggwaamu amaanyi n'eteyinza kwetaasa, embuzi ennume n'egikoona n'egwa wansi n'egirinnyirira, ne wataba n'omu eyayinza okuwonya endiga ennume eyo mu maanyi g'embuzi ennume.
8 Embuzi ennume ne yeegulumiza nnyo, naye mu maanyi gaayo amangi, ejjembe lyayo eddene ne limenyeka, we lyali amayembe ana agalabika obulungi ne gamerawo nga gadda eri embuyaga ennya ez'omu ggulu.
9 Mu ago ne muva ejjembe eddala ettono, ne likula mu maanyi mangi okwolekera obukiikaddyo, n'ebuvanjuba n'eri ensi ey'ekitalo ennungi.
10 Ne likula ne lituuka eri eggye ery'omu ggulu, ne lisuula abamu ku b'eggye n'emmunyeenye ezimu wansi ku nsi, ne libirinnyirira.
11 Ne lyegulumiza okwenkanankana omukulu w'eggye, ne limuggyako ekiweebwayo ekyokebwa, n'ekifo eky'awatukuvu ne lyonoonawo.
12 Olw'obujeemu eggye awamu n'ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli lunaku ne biriweebwa. Amazima ne gasuulibwa wansi, ne buli kye lyakolanga ne kiba kya mukisa.
13 Ne mpulira omutukuvu ng'ayogera, n'omutukuvu omulala n'agamba oyo eyayogera nti, "Okwolesebwa okwogera ku kiweebwayo ekyokebwa ekya buli lunaku, ne ku bujeemu okuleeta okwonoona okungi, ne ku kuwaayo okwa watukuvu, ne ku batukuvu abalinnyirirwa, kulituukirira ddi era ebyo byonna birikoma ddi?"
14 N'aŋŋamba nti, "Okutuusa ng'ennaku enkumi bbiri mu bisatu ziyiseewo."

### *Amakulu g'Okwolesebwa*

15 Awo nze Danyeri bwe namala okufuna okwolesebwa okwo nga nkyagezaako okutegeera amakulu gaakwo, laba ne wayimirira mu maaso gange ekifaananyi ng'eky'omusajja.
16 Ne mpulira eddoboozi ly'omusajja emitala w'omugga Ulaayi, eryakoowoola, ne lyogera nti, "Gabulyeri, tegeeza omusajja oyo amakulu g'okwolesebwa okwo."
17 Awo n'asembera okumpi ne we nnali nnyimiridde, ne ntya, ne neeyala wansi. Naye n'aŋŋamba nti, "Tegeera, ggwe omwana w'omuntu, ng'okwolesebwa, kwogera ku biro eby'enkomerero."
18 Awo bwe yali akyayogera nange, ne nkwatibwa otulo otungi ennyo, ng'amaaso gange nga ngavuunise ku ttaka, ye n'ankwatako n'angolokosa.
19 N'ayogera nti, "Laba, ndikumanyisa ebiribaawo mu biro eby'enkomerero eby'okubonaabona, kubanga okwolesebwa kwogera ku kiseera ekyalondebwa eky'enkomerero.
20 Endiga ennume gye walaba ey'amayembe abiri, be bakabaka ab'Obumeedi, n'Obuperusi.
21 N'embuzi ennume endaawo ye kabaka w'e Buyonaani, n'ejjembe eddene eriri mu kyenyi kyayo ye kabaka ow'olubereberye.
22 N'amayembe ana agadda mu kifo kyalyo nga limenyese, bwe bwakabaka obuna obuliva mu ggwanga lye, naye tebuliba na buyinza bwe bumu ng'obubwe.

23 “Mu biro eby’enkomerero eby’okufuga kwabwe, abajeemu nga batandise okusobya ennyo, kabaka omuzira ate omukambwe, ng’alina obukoddyo bungi alivaayo.

24 Aliba n’amaanyi mangi, naye si lwa buyinza bwe ye, era alireeta entiisa nnene, era aliba wa mukisa mu buli ky’akola. Alizikiriza abantu ab’amaanyi n’abantu abatukuvu.

25 Aliba mulimba nnyo, n’aleetera obulimba okweyongera, era alyegulumiza nnyo. Aligwikiriza abantu bangi n’abazikiriza, era n’alumba n’Omukulu w’abalangira. Wabula naye alizikirizibwa so si n’amaanyi ag’obuntu.

26 “Okwolesebwa okukwata ku biro eby’oku makya ne ku by’akawungeezi, kwe wafuna kwa mazima, naye sirikira okwolesebwa okwo, kubanga kwogera ku biro ebigenda okujja.”

27 Nze Danyeri ne mpulira nga nkooye nnyo era ne ndwala okumala ennaku. N’oluvannyuma nga nzisuuse ne nzira ku mirimu gya kabaka, kyokka okwolesebwa okwo ne kuntawanya nnyo mu mutima, ate nga sitegeera makulu gaakwo.

# 9

*Okusaba kwa Danyeri*

1 Mu mwaka ogw’olubereberye ogwa Daliyo mutabani wa Akaswero Omumeedi, gwe yaliiramu obwakabaka bwa Bakaludaaya,

2 mu mwaka ogwo ogw’olubereberye, nze Danyeri ne ntegeera amakulu ag’ebyawandiikibwa, ng’ekigambo kya MUKAMA bwe kiri kye yawa Yeremiya nnabbi, ng’okubonaabona kwa Yerusaalemi kulitwala emyaka nsanvu.

3 Awo ne nkyukira Mukama Katonda ne nnoonya okubeerwa okuva gyali nga nsaba era nga neegayirira, nga nsiiba era nga nyambadde ebibukutu nga neesiize evvu.

4 Ne nsaba MUKAMA Katonda wange ne mwatulira nti,

“Ayi Mukama omukulu era ow’entiisa, akuuma endagaano ye so n’okwagala kwo tekujjulukuka eri abo bonna abakwagala era abagondera ebiragiro byo,

5 twonoonye era tusobezza, tukoze eby’ekyejo n’eby’obujeemu, era

6 tetwawuliriza baddu bo bannabbi, abaayogeranga mu linnya lyo eri bakabaka baffe, n’eri abalangira baffe, n’eri bajjajjaffe, n’eri abantu bonna ab’omu nsi.

7 “MUKAMA oli mutukuvu, naye olunaku lwa leero tuswadde, abantu ba Yuda, n’abatuuze ba Yerusaalemi, ne Isirayiri yenna, abali okumpi n’abali ewala mu nsi zonna gye wabawaŋŋangusiriza olw’obutaba beesigwa gy’oli.

8 Ayi MUKAMA, ffe ne bakabaka baffe, n’abalangira baffe, ne bajjajjaffe tuswadde kubanga twonoonye.

9 MUKAMA Katonda waffe ajjudde okusaasira n’okusonyiwa, newaakubadde nga tumujeemedde,

10 ne tutawuliriza ddoboozi lya MUKAMA Katonda waffe, newaakubadde okukuuma amateeka ge, ge yatuwa ng’ayita mu baddu be bannabbi.

11 Isirayiri yenna bamenye amateeka go ne bakuvaako, era bakujeemedde.

“Noolwekyo ebikolimo n’ebirayiro ebyawandiikibwa mu mateeka ga Musa omuddu wa MUKAMA kyebivudde bitutuukako kubanga twayonoona mu maaso go.

12 Otuukirizza ebigambo bye watwogerako, n’eri abakulembeze baffe,
bw’otuleeseeko akabi akanene; era wansi w’eggulu tewabangawo kintu
kinene bwe kityo ekyakolebwa, ng’ekyo ekituuse ku Yerusaalemi.
13 Nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa, bwe bityo
ebisobyo byonna bwe byatutuukako, naye ate nga tetunneegayirira kisa
kya MUKAMA Katonda waffe, okulekayo ebikolwa byaffe ebitali bya
butuukirivu tusseeyo omwoyo okugoberera amazima.
14 MUKAMA kyeyava talwa kutuleetako buzibu obwo, kubanga MUKAMA
Katonda waffe mutuukirivu mu buli ky’akola, naye tetugondedde ddoboozi lye.

15 “Ggwe, Ayi MUKAMA Katonda waffe eyaggya abantu bo mu nsi ey’e Misiri n’omukono gwo ogw’amaanyi ne weekolera erinnya, eryayatiikirira ne leero, twayonoona ne tukola ebitali bya butuukirivu.

16 Ayi Mukama, ng’obutuukirivu bwo bwonna bwe buli, obusungu
bwo n’ekiruyi kyo obiggye ku kibuga kyo Yerusaalemi, olusozi lwo
olutukuvu, kubanga olw’ebibi byaffe n’ebikolwa byaffe ebitali bya butuukirivu ebya bajjajjaffe, tufuuse eky’okusekererwa eri abatwetoolodde
bonna.

17 “Kaakano, Ayi Katonda waffe, owulire okusaba n’okwegayirira kw’omuddu wo, olw’okusaasira kwo Ayi Mukama otunule eri ekifo kyo ekitukuvu.

18 Ayi Katonda wange, otege okutu kwo owulirize, otunuulire okuzika
kw’ekibuga ekyatuumibwa erinnya lyo, kubanga tetuleeta byetaago byaffe
eri ggwe olw’obutuukirivu bwaffe, wabula olw’okusaasira kwo okungi.
19 Ayi Mukama otuwulire! Ayi Mukama, otusonyiwe! Ayi Mukama
otuwulire era obeeko ne ky’okolawo! Olw’okusaasira kwo, Ayi Katonda
wange oleme okulwa, kubanga ekibuga kyo n’abantu bo n’eggwanga lyo
bayitibwa Erinnya lyo.”

### *Amakulu ga Wiiki Omusanvu*

20 Awo bwe nnali nga njogera era nga nsaba, nga njatula ebibi byange
n’ebibi by’abantu bange Isirayiri, nga neegayirira MUKAMA Katonda wange
ku lw’olusozi lwe olutukuvu,
21 awo mu kiseera ekyo nga nkyasaba, omusajja Gabulyeri, gwe nalaba
mu kwolesebwa okwasooka, n’ajja gye ndi mu mbuyaga ey’amaanyi mu
kiseera ekya ssaddaaka ey’akawungeezi.
22 N’aŋŋamba nti, “Danyeri, kaakano nzize okukuwa amagezi
n’okutegeera.
23 Amangu nga waakatandika okusaba, okwegayirira kwo kwaddibwamu era nzize okukutegeeza, kubanga oli mwagalwa nnyo. Noolwekyo
ssaayo omwoyo eri ekigambo kino, otegeere bye wayolesebwa.
24 “Wiiki nsavu ze ziweereddwa abantu bo n’ekibuga kyo ekitukuvu
okukomya ebikolwa byabwe ebibi, n’okuleka ebibi, n’okutangiririrwa
olw’ebikolwa ebitali bya butuukirivu, n’okuleeta obutuukirivu obutaliggwaawo, n’okukakasa ebyo ebyayolesebwa n’ebyo ebyalangibwa,
n’okufuka amafuta ku asinga obutukuvu.
25 “Manya era tegeera ng’okuva ne kaakano ekiragiro nga bwe
kiweereddwa ku kuzzibwawo kwa Yerusaalemi n’okutuusa ku kujja
okw’omufuzi oyo eyafukibwako amafuta, waliba ebbanga lya wiiki

musanvu. N'oluvannyuma kirizimbibwa mu wiiki nkaaga mu bbiri ne kiteekebwamu enguudo n'olusalosalo, newaakubadde nga biriba biro bya kutegana.
26 N'oluvannyuma lwa wiiki enkaaga mu ebbiri, eyafukibwako amafuta
alisalibwako, era taliba na kintu. Abantu ab'omufuzi balijja ne bazikiriza ekibuga n'awatukuvu, n'enkomerero ye erijja ng'amataba, n'entalo era n'okuzika okwalagirwa biryeyongera okutuusa ku nkomerero.
27 Alikola endagaano enywevu n'abantu bangi okumala wiiki emu, naye
wakati wa wiiki eyo aliggyawo emikolo gya ssaddaaka n'ebiweebwayo. Ne ku kiwaawaatiro eky'ebyemizizo kulijjirako oyo aleeta okubonaabona, okutuusa ekiseera eky'enkomerero ekyalagirwa nga kituukiridde ku ye."

# 10

*Danyeri Alaba Malayika mu Kwolesebwa*

1 Mu mwaka ogwokusatu ogw'obufuzi bwa Kuulo kabaka w'e Bu-
perusi, Danyeri eyayitibwanga Berutesazza n'afuna okwolesebwa okulala. Ekigambo kye yafuna kyali kya mazima nga kyogera ku lutalo olw'amaanyi. N'ategeera obubaka obwamuweebwa mu kwolesebwa okwo.
2 Mu biro ebyo, nze Danyeri ne mmala wiiki ssatu nga nkungubaga.
3 Saalya ku mmere ennungi, newaakubadde ennyama wadde okunywa
ku wayini; era ne nsiwuukira ddala okumala wiiki ssatu.
4 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya olw'omwezi
ogw'olubereberye nga nyimiridde ku mabbali g'omugga omunene Tigiriisi,
5 ne nnyimusa amaaso gange, ne ntunula waggulu, ne ndaba omusajja
ayambadde linena, nga yeesibye olukoba olwa zaabu ennongooseemu mu kiwato.
6 Omubiri gwe gwali gumasamasa ng'ejjinja erya berulo, n'ekyenyi kye
nga kiri ng'okumyansa okw'eggulu, n'amaaso ge nga gali ng'ettabaaza ez'omuliro, n'emikono gye n'amagulu ge nga biri ng'ebbala ly'ekikomo ekizigule, n'eddoboozi lye ng'oluyoogaano olw'ekibiina ekinene.
7 Nze Danyeri nzekka, nze nalaba okwolesebwa okwo, abasajja be nnali
nabo tebaakulaba, wabula bajjula entiisa, ne badduka ne beekweka.
8 Ne nsigala nzekka, nga neewuunya okwolesebwa okunene okwo;
ne nzigwamu amaanyi; amaaso gange ne gayongobera, ne mba, nga seesobola.
9 Awo ne mpulira ng'ayogera, era bwe nnali nga nkyamuwuliriza, ne
neebaka otulo tungi nnyo, amaaso gange nga gatunudde wansi ku ttaka.
10 Ne wabaawo omukono ogunkwatako, emikono gyange n'amaviivi
gange ne bitanula okujugumira.
11 N'aŋŋamba nti, "Danyeri, ggwe omusajja omwagalwa ennyo, tegeera
era osseeyo omwoyo ku bigambo bye njogera naawe, era yimuka oyimirire kubanga ntumiddwa gy'oli." Awo bwe yayogera ebigambo ebyo gye ndi ne nnyimirira nga nkankana.
12 N'alyoka aŋŋamba nti, "Totya Danyeri, kubanga okuva ku lunaku
olwasooka lwe wamalirira okutegeera ne weetoowaza mu maaso ga Katonda wo, ebigambo byo byawulirwa, era nzize olw'ebigambo byo.
13 Namala ennaku amakumi abiri mu lumu nga nkyalwana
n'omulangira w'e Buperusi, naye Mikayiri omu ku balangira abakulu n'ajja n'annyamba, kubanga kabaka w'e Buperusi yali ankwatidde eyo.

14 Kaakano nzize okukunnyonnyola ebigenda okutuuka ku bantu bo mu
biro eby'omu maaso; kubanga bye wayolesebwa byogera ku biro ebigenda
okujja."
15 Awo bwe yali ng'akyambuulira ebyo, ne nkutama, ne ntunuza amaaso
gange wansi, ne nsirika.
16 Awo ne wajja eyafaanana ng'omuntu n'akoma ku mimwa gyange,
ne ntanula okwogera. Ne ŋŋamba eyali annyimiridde mu maaso nti,
"Mukama wange nzijjudde obuyinike, era n'amaanyi sirina olw'ebyo bye
njolesebbwa.
17 Nnyinza ntya nze omuddu wo okwogera naawe ggwe mukama wange?
Amaanyi gampweddemu, sikyayinza na kussa bulungi mukka."
18 Nate eyafaanana ng'omuntu n'ankomako n'anzizaamu amaanyi.
19 N'aŋŋamba nti, "Ggwe omwagalwa ennyo, totya. Emirembe gibeere
gy'oli, guma omwoyo era beera n'obuvumu."
Awo bwe yayogera nange, ne nziramu amaanyi, ne njogera nti, "Yogera
mukama wange, kubanga onzizizzaamu amaanyi."
20 N'alyoka ayogera nti, "Ekindeese gy'oli okimanyi? Mu bbanga eritali
ly'ewala, nzija kuddayo okulwanyisa omulangira ow'e Buperusi, era bwe
ndimuwangula, omulangira ow'e Buyonaani alijja.
21 Naye okusooka byonna, ka nkutegeeze ebyawandiikibwa ebiri mu
kitabo eky'amazima: Tewali n'omu ambeera okuggyako Mikayiri, omu-
langira wammwe abakuuma.

# 11

1 Mu mwaka ogw'olubereberye ogw'obufuzi bwa Daliyo Omumeedi,
nayimirira okumugumya era n'okumunyweza.

### *Bakabaka ab'omu Bukiikaddyo, n'ab'omu Bukiikakkono*

2 "Kaakano nnaakutegeeza eby'amazima: Bakabaka basatu abalala
balifuga mu Buperusi, n'owookuna aliba mugagga nnyo okusinga bali
bonna; era bw'alimala okwenyweza olw'obugagga bwe, alikubiriza bonna
okujeemera obwakabaka obwa Buyonaani.
3 N'oluvannyuma walirabika kabaka ow'amaanyi, alifuga n'obuyinza
bungi n'akola nga bw'ayagala.
4 N'oluvannyuma obwakabaka bwe bulisasika ne bugabanyizibwa
eri embuyaga ennya ez'omu ggulu. Ezzadde lye teriribugabana, era
n'obwakabaka obwo tebuliba na buyinza bwe yalina kubanga obwak-
abaka bwe bulisigulwa ne buweebwa abalala.
5 "Kabaka ow'obukiikaddyo aliba w'amaanyi, naye omu ku bakungu
be aliba w'amaanyi okumusinga era alifuga obwakabaka bwe n'amaanyi
mangi.
6 Bwe waliyitawo emyaka, balyegatta wamu n'omuwala wa kabaka
ow'obukiikaddyo, aligenda eri kabaka ow'obukiikakkono okumwegattako,
naye talisigaza buyinza bwe so ne kabaka newaakubadde ezzadde lye
tebaliwangaala. Mu biro ebyo aliweebwayo ye n'abo baayita nabo mu
lubiri, awamu ne kitaawe, era n'oyo eyamuwagira.
7 "Ow'omu lulyo lwe, yaalitwala ekifo kye; alirumba eggye lya
kabaka ow'obukiikakkono n'ayingira mu lubiri lwe, era alibalwanyisa
n'abawangula.
8 Aliddira bakatonda baabwe n'ebifaananyi byabwe ebisaanuuse
n'ebintu byabwe eby'omuwendo ebya ffeeza n'ebya zaabu n'abitwala
e Misiri, era alimala ebbanga nga tazzeeyo kulumba kabaka
w'obukiikakkono.

9 Kabaka w'obukiikakkono alirumba amatwale ga kabaka
w'obukiikaddyo naye oluvannyuma aliwalirizibwa okuddayo mu nsi
ye.
10 Batabani be balyeteekateeka ne bakuŋŋaanya eggye eddene era
balisaanyaawo ensi eyo ng'amazzi aganjaala n'amaanyi, era balituuka ku
lubiri lwe.
11 "Mu busungu obungi, kabaka w'obukiikaddyo alirumba kabaka
w'obukiikakkono ow'eggye eddene, n'amuwangula.
12 Kabaka w'obukiikaddyo bw'alimala okuwangula eggye eryo eddene,
n'aliwamba, alyegulumiza n'atta bangi ku bo, naye taliwangaala.
13 Bwe waliyitawo ebbanga kabaka w'obukiikakkono alikuŋŋaanya
n'afuna eggye eddene okusinga ery'olubereberye, n'oluvannyuma
lw'emyaka emingi, alirumba n'eggye lye ng'alina ebyokulwanyisa ebiw-
era.
14 "Mu biro ebyo bangi balijeemera kabaka w'obukiikaddyo; era
n'abasajja ab'effujjo ab'omu ggwanga lyo balitandika okujeema, naye
baliremwa, ebigambo bye wayolesebwa bituukirire.
15 Awo kabaka w'obukiikakkono alijja n'akola ebifunvu era aliwamba
ekibuga ekiriko bbugwe. Eggye ery'omu bukiikaddyo teririsobola kumul-
wanyisa, newaakubadde abaserikale baabwe abatendeke abakugu ennyo
okumusobola.
16 Oyo alibalumba, alikola nga bw'ayagala so tewaliba n'omu alimuziy-
iza; era alyenyweza mu nsi ennungi, yonna n'ebeera mu buyinza bwe.
17 Alijja n'ekitiibwa eky'obwakabaka bwe kyonna ng'amaliridde
okukola endagaano ne kabaka w'obukiikaddyo. Alimuwa muwala we oku-
mufumbirwa awambe obwakabaka, naye enteekateeka ye terituukirira
newaakubadde okumuyamba.
18 N'oluvannyuma alikyuka n'alumba ensi ey'oku mabbali g'ennyanja
n'agiwamba; naye walibaawo omuduumizi alikomya okujooga kwe,
n'amwesasuza.
19 Oluvannyuma lw'ebyo alikyuka okwagala okuddayo mu mbiri ez'omu
nsi ye, naye alyesittalira mu kkubo n'agwa, n'ataddayo kulabika.
20 "Alimusikira, aliweereza omusolooza w'omusolo alituukiriza
eby'obwakabaka, naye mu nnaku ntono alizikirizibwa, si mu lutalo
newaakubadde mu busungu.
21 "Alidda mu kifo ky'oyo, aliba musajja mubi nnyo naye nga taweered-
dwa buyinza buva eri kabaka. Alirumba obwakabaka abantu nga batudde
ntende, n'abuwamba ng'akozesa enkwe.
22 Oluvannyuma lw'ebyo eggye ery'amaanyi liriwangulwa ne lizikiriz-
ibwa mu maaso ge; n'omulangira ow'endagaano naye alizikirizibwa.
23 Awo bw'alimala okukola endagaano naye, alibeefuulira, n'aba
w'amaanyi ng'ayambibwako abantu batono.
24 Mu biro eby'emirembe, alirumba amasaza amagagga, nga
tebamwetegekedde, n'akola bajjajjaabe bye bataakolanga newaakubadde
bajjajja ba bajjajjaabe. Aligabula abagoberezi be, ebinyage n'obugagga,
ne yeekobaana okuwamba embiri, naye ekyo kirimala akaseera katono.
25 "Alikuŋŋaanya eggye ddene mu maanyi ge n'obuvumu bwe n'alumba
kabaka w'obukiikaddyo. Kabaka w'obukiikaddyo alyerwanako n'eggye
eddene era ery'amaanyi ennyo; naye talimuyinza olw'enkwe ze baa-
musalira.
26 N'abo abanaagabana ku bugagga bwa kabaka baligezaako okumuzik-
iriza, era eggye lye lirisaanawo, bangi ku bo ne bafiira mu lutalo.

27 Bakabaka bombi abaamalirira okukola eby'ekyejo mu mitima gyabwe,
balituula ku mmeeza emu, ne bakuusagana naye tewalibaawo kya mazima
kiteesebwa kubanga enkomerero erituuka mu biro ebyalagirwa.
28 Kabaka w'obukiikakkono aliddayo mu nsi ye n'obugagga bungi,
n'omutima gwe gulikyawa endagaano entukuvu. Era alikola kye yateeka-
teeka mu mutima gwe n'oluvannyuma n'addayo mu nsi ye.
29 "Mu bbanga eryagerebwa, alirumba obukiikaddyo nate, naye ku luno
tekiriba nga bwe kyali mu biro eby'oluberebery e.
30 Emmeeri ez'e Kittimu zirimulwanyisa era aliggwaamu amaanyi,
n'oluvannyuma alikyuka okuddayo n'asunguwalira endagaano entukuvu.
Bw'aliddayo alikolagana n'abo abakyawa endagaano entukuvu.
31 "Amaggye ge galigolokoka okugwagwawaza awatukuvu wa
yeekaalu era aliggyawo ekiweebwayo ekyokebwa ekya buli
lunaku. N'oluvannyuma balissaawo eby'emizizo ebireeta ennaku
n'okubonaabona.
32 Alisendasenda abo abaajeemera endagaano, naye abantu abamanyi
Katonda waabwe baliyimirira ne bamuwakanya n'amaanyi.
33 "Ab'amagezi baliwabula bangi, newaakubadde nga balittibwa,
n'abalala ne bookebwa omuliro, n'abalala ne bawambibwa, n'abalala ne
banyagibwa okumala akaseera katono.
34 Bwe baligwa baliyambibwako akatono era bangi abatali ba mazima
balibasendasenda ne babeegattako.
35 Abamu ku b'amagezi balyesittala, balyoke balongoosebwe, batukuz-
ibwe, baleme kuba na bbala mu kiseera eky'enkomerero, kubanga ebiro
ebyo byategekebwa era birituukirira.

*Kabaka Eyeegulumiza*

36 "Kabaka alikola nga bw'ayagala. Alyenyumiriza ne yeegulumiza
okusinga katonda yenna, era alyogera ebitawulikikangako ku Katonda
wa bakatonda. Aliba mugagga okutuusa ebiro eby'obusungu lwe biri-
tuukirira, kubanga ekyasalibwawo kiteekwa okutuukirira.
37 Talissa kitiibwa mu bakatonda ba jjajjaabe newaakubadde oyo
abakazi gwe beegomba, so talissa kitiibwa mu katonda yenna, naye
alyegulumiza okusinga bonna.
38 Mu kifo ky'abo, alissa ekitiibwa mu katonda w'embiri, katonda
ataamanyibwa bajjajjaabe gwalitonera zaabu ne ffeeza, n'amayinja
ag'omuwendo n'ebirabo eby'omuwendo omungi.
39 Alirumba embiri ez'amaanyi ennyo ng'ayambibwako katonda omug-
wira, era abo abalissa ekimu naye, alibawa ekitiibwa kinene, n'abawa
n'okufuga abantu bangi, n'ensi n'agigabanyaamu olw'amagoba.
40 "Mu biro eby'enkomerero kabaka w'obukiikaddyo alimulumba, naye
kabaka w'obukiikakkono alifubutuka n'ajja okumusisinkana ng'alina
amagaali n'abeebagala embalaasi, n'emmeeri nnyingi, era alirumba ensi
nnyingi n'aziyitamu ng'embuyaga.
41 Alirumba Ensi Ennungi n'awamba n'amawanga mangi, naye Edomu
ne Mowaabu n'abakulembeze ba Amoni balimuwona.
42 Okufuga kwe kulyeyongera mu mawanga mangi, ne Misiri nga
mw'omutwalidde.
43 Alifuga amawanika aga zaabu ne ffeeza, n'eby'obugagga byonna ebya
Misiri, n'afuula Abalibiya n'Abaesiyopiya okuba abaddu be.
44 Naye amawulire agaliva mu buvanjuba ne mu bukiikakkono gal-
imukanga, olwo n'alyoka agolokoka mu busungu obungi ennyo okugenda
okuzikiriza n'okumalawo bangi ku bo.

45 Alisimba eweema ze ez'olubiri wakati w'ennyanja n'olusozi olulungi era olutukuvu; era naye alikoma so tewaliba amuyamba.

# 12

*Ebiseera eby'Enkomerero*

1 "Mu biro ebyo Mikayiri omulangira omukulu akuuma abantu bo aligolokoka, ne yeeyimirira abantu bo. Waliba ekiseera eky'okubonaaboneramu ekitabangawo okuva ku kutondebwa kw'amawanga. Naye mu biro ebyo, omuntu aliba awandiikiddwa mu kitabo, alirokolebwa.
2 Bangi ku beebase mu nfuufu ey'ensi baligolokoka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abalala eri ensonyi n'okuswazibwa okutaggwaawo.
3 Abo abalina okutegeera balyakaayakana ng'okumasamasa kw'omu bbanga; n'abo abakyusa abangi okudda eri obutuukirivu, balyakaayakana ng'emmunyeenye emirembe n'emirembe.
4 Naye ggwe Danyeri, bikka era osse envumbo ku kitabo okutuusa ekiseera eky'enkomerero lwe kirituuka. Bangi balitambula eno n'eri, era n'okumanya n'amagezi kulyeyongera."
5 Nze Danyeri ne ndyoka ndaba, laba babiri abalala nga bayimiridde mu maaso gange, omu ku lubalama lw'omugga olumu, n'omulala ku lubalama lw'omugga olulwolekedde.
6 Omu ku bo n'agamba omusajja, eyali waggulu w'amazzi g'omugga ng'ayambadde linena nti, "Kiritwala bbanga ki ebyewuunyisa ebyo byonna okutuukirira?"
7 Omusajja eyali waggulu w'amazzi g'omugga ng'ayambadde linena, n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo n'omukono gwe ogwa kkono eri eggulu, ne mmuwulira ng'alayira eri oyo abeera omulamu emirembe n'emirembe, ng'ayogera nti, "Waliyitawo ebbanga lya myaka esatu n'ekitundu. Era amaanyi g'abantu abatukuvu bwe galimalibwawo, ebintu ebyo byonna ne biryoka bituukirira."
8 Ne mpulira naye ne sitegeera. Kyennava mbuuza nti, "Mukama wange, biki ebiriva mu ebyo byonna?"
9 N'anziramu nti, "Weetambulire makubo go, Danyeri, kubanga ebigambo bibikiddwako era n'ekitabo kissibbwako envumbo okutuusa ekiseera eky'enkomerero.
10 Bangi balitukuzibwa ne balongoosebwa obutabaako na bbala, naye abatali batuukirivu balyeyongera okukola ebibi. Ku batali batuukirivu tekuliba ategeera, naye ab'amagezi baliba n'okutegeera.
11 "N'okuva mu kiseera ekya ssaddaaka eya buli lunaku ng'eggyiddwawo n'eby'emizizo ebizikiriza nga biteekeddwawo, waliyitawo ennaku lukumi mu bibiri mu kyenda.
12 Alina omukisa oyo alirindirira n'atuuka ku nkomerero ey'ennaku olukumi mu bisatu mu asatu mu ttaano.
13 "Naye ggwe tambula makubo go okutuusa enkomerero lwe lituuka. Oliwummula, ne ku nkomerero oligolokoka n'oweebwa omugabo gwo gwe wategekerwa."

# Ekitabo Ekiyitibwa Koseya

1 Buno bwe bubaka bwa Mukama bwe yawa Koseya mutabani wa Beeri mu mulembe gwa Uzziya, n'ogwa Yosamu, n'ogwa Akazi n'ogwa Keezeekiya, nga be bakabaka ba Yuda, ne mu mulembe gwa Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi, nga ye kabaka wa Isirayiri.

### *Koseya Afuna Amaka*

2 Awo Mukama bwe yasooka okwogera eri Koseya, yamulagira nti, "Ggenda owase omukazi malaaya, omuzaalemu abaana, era banaayitibwanga abaana aboobwamalaaya, kubanga ensi eyitirizza okukola ekibi eky'obwenzi, n'eva ku Mukama."

3 Awo n'awasa Gomeri muwala wa Dibulayimu, n'aba olubuto, n'amuzaalira omwana wabulenzi.

4 Mukama n'agamba Koseya nti, "Mmutuume erinnya Yezuleeri, kubanga nnaatera okubonereza ennyumba ya Yeeku, olw'okuyiwa omusaayi gw'abantu ab'e Yezuleeri, era ndimalawo obwakabaka bwa Isirayiri.

5 Ku lunaku olwo omutego gwa Isirayiri ndigumenyera mu Kiwonvu kya Yezuleeri."

6 Gomeri n'aba olubuto olulala, n'azaala omwana wabuwala. Mukama n'agamba Koseya nti, "Mmutuume erinnya Lolukama, kubanga ennyumba ya Isirayiri ndiba sikyagyagala, si kulwa nga mbasonyiwa.

7 Naye ab'ennyumba ya Yuda ndibaagala, era ndibalokola, si na kasaale, newaakubadde ekitala, newaakubadde entalo, newaakubadde embalaasi newaakubadde abeebagala embalaasi, wabula nze kennyini Mukama Katonda waabwe nze ndibaagala era ne mbalokola."

8 Awo Gomeri bwe yamala okuggya Lolukama ku mabeere, n'aba olubuto olulala n'azaala omwana wabulenzi.

9 Mukama n'ayogera nti, "Mmutuume erinnya Lowami, kubanga temukyali bantu bange, nange sikyali Katonda wammwe.

10 "Naye ekiseera kirituuka abantu ba Isirayiri ne baba bangi ng'omusenyu ogw'oku nnyanja, ogutayinzika kupimibwa newaakubadde okubalibwa olw'obungi bwagwo. Mu kifo ky'okuyitibwa abatali bantu bange, baliyitibwa, baana ba Katonda omulamu.

11 Abantu ba Yuda baliddamu okwegatta n'abantu ba Isirayiri ne beerondamu omukulembeze, ne bava mu buwaŋŋanguse, era olunaku lwa Yezuleeri luliba lukulu."

## 2

1 "Mwogere ku baganda bammwe nti, 'bantu bange,' mwogere ne ku bannyinammwe nti, 'baagalwa bange.' "

### *Okubonerezebwa kwa Isirayiri, n'Okuzzibwa Obuggya kwabwe*

2 Munenye nnyammwe,
mumunenye,
kubanga si mukazi wange, so nange siri bba.
Aggyewo obukaba obuli mu maaso ge,
n'obwenzi obuva wakati w'amabeere ge;
3 nneme okumwambulira ddala

ne mmulekeraawo nga bwe yali ku lunaku kwe yazaalibwa;
ne mmufuula ng'eddungu,
ne mmulekawo ng'ensi enkalu eteriiko ky'egasa,
ne mmussa ennyonta.
4 Sirilaga kwagala kwange eri abaana be,
kubanga baana ba bwenzi.
5 Nnyabwe yakola obwenzi,
n'abazaalira mu buwemu.
Yayogera nti, "Ndigenda eri baganzi bange abampa emmere n'amazzi,
n'ebimbugumya n'ebyokwambala,
n'amafuta n'ekyokunywa."
6 Kyendiva nziba ekkubo lye n'amaggwa,
ne mmuzimbako bbugwe okumwetooloola, aleme okulaba ekkubo wayitira.
7 Aligezaako okugoberera baganzi be abakwate,
naye talibatuukako, alibanoonya naye talibalaba.
Oluvannyuma alyogera nti, "Naagenda eri bba wange eyasooka,
kubanga mu biro ebyo nabanga bulungi
okusinga bwe ndi kaakano."
8 Tajjukira nga nze namuwanga eŋŋaano,
ne wayini n'amafuta,
era eyamuwa effeeza ne zaabu
bye baakozesanga okuweerezanga Baali.
9 "Kyendiva neddiza emmere yange ey'empeke ng'eyengedde,
ne wayini wange ng'atuuse;
era nzija kumuggyako ebyambalo byange eby'ebbugumu n'ebyambalo byange ebya bulijjo,
bye yayambalanga.
10 Era kyenaava nyanika obukaba bwe
mu maaso ga baganzi be,
so tewaliba amuwonya mu mukono gwange.
11 Ndikomya ebinyumu bye byonna, n'embaga ze eza buli mwaka,
n'embaga ze ez'emyezi egyakaboneka, ne ssabbiiti ze,
n'enkuŋŋaana ze zonna entukuvu.
12 Ndizikiriza emizabbibu gye n'emitiini gye,
gye yayogerako nti, 'Guno gwe musaala baganzi bange gwe bansasula.'
Ndibizisa,
era n'ensolo ez'omu nsiko ziribyonoona.
13 Ndimubonereza olw'ennaku
ze yayotereza obubaane eri Babaali,
ne yeeyambaza empeta n'ebintu eby'omuwendo ennyo,
n'agenda eri baganzi be,
naye nze n'aneerabira,"
bw'ayogera Mukama.

14 Kale kyendiva musendasenda,
ne mmutwala mu ddungu,
ne njogera naye n'eggonjebwa.
15 Era eyo ndimuddiza ennimiro ze ez'emizabbibu,
ne nfuula Ekiwonvu kya Akoli* oluggi olw'essuubi.

---
* **2:15** Akoli kitegeeza emitawaana

Alimpuliriza nga bwe yampulirizanga mu nnaku ez'obuvubuka bwe,
era nga mu biro bye yaviira mu nsi ya Misiri.
16 "Ku lunaku olwo," bw'ayogera MUKAMA,
"olimpita nti, 'mwami wange;'
toliddayo nate kumpita, 'MUKAMA wange.' "
17 Ndiggya amannya ga Babaali mu kamwa ke,
so taliddayo nate okwasanguza amannya gaabwe.
18 Ku lunaku olwo ndibakolera endagaano
n'ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu bbanga,
n'ebyewalula ku ttaka,
era ndiggyawo obusaale, n'ekitala, n'entalo mu nsi,
bonna ne batuula mirembe.
19 Era ndikwogereza ennaku zonna,
ndikwogereza mu butuukirivu, ne mu mazima,
ne mu kwagala ne mu kusaasira.
20 Ndikwogereza mu bwesigwa,
era olimanya MUKAMA.
21 "Ku lunaku olwo,
ndyanukula eggulu,
nalyo ne lyanukula ensi;
22 ensi erimeramu emmere ey'empeke,
ne wayini n'amafuta,
nabyo ne bifunibwa Yezuleeri,†"
bw'ayogera MUKAMA.
23 "Ndimwesimbira mu nsi,
ndisaasira oyo eyayitibwanga nti, atasaasirwa,
era ndigamba abataali bantu bange nti, 'Bantu bange,'
era nabo balyogera nti, 'Ggwe Katonda wange.' "

# 3

### *Koseya Addiŋŋana ne Mukazi we*

1 MUKAMA n'aŋŋamba nti, "Genda, mukyala wo oyongere okumwagala,
newaakubadde nga mwenzi era yakwaniddwa omusajja omulala. Mwa-
gale nga MUKAMA bw'ayagala Abayisirayiri newaakubadde nga bakyukira
bakatonda abalala ne baagala obugaati obw'emizabbibu enkalu obuwonge
eri bakatonda abalala."
2 Awo ne mmugula n'effeeza obuzito bwayo gulaamu kikumi mu nsavu
ne lita ebikumi bisatu mu amakumi asatu eza sayiri.
3 Bwe ntyo ne mugamba nti, "Oteekwa okubeera nange ebbanga lyonna.
Lekeraawo okukuba obwamalaaya, oba okukola obwenzi, nange bwe ntyo
naabeeranga naawe."
4 Era bwe batyo abaana ba Isirayiri bwe balibeera okumala ennaku en-
nyingi nga tebalina kabaka newaakubadde omulangira, nga tebakyawaayo
ssaddaaka eri bakatonda abalala, newaakubadde okusinza amayinja
amawonge oba bakatonda abalala, wadde efodi.
5 N'oluvannyuma abaana ba Isirayiri balidda ne banoonya MUKAMA
Katonda waabwe ne Dawudi kabaka waabwe. Balijja eri MUKAMA nga
bakankana nga banoonya emikisa gye mu nnaku ez'oluvannyuma.

† **2:22** Yezuleeri kitegeeza Katonda asimba

# 4

*Okulabula eri Isirayiri*

1 Muwulire ekigambo kya MUKAMA, mmwe abantu ba Isirayiri,
kubanga MUKAMA abalinako ensonga
mmwe abatuula mu nsi.
“Obwesigwa n'okwagala Katonda,
n'okumumanya bikendedde mu nsi.
2 Waliwo okukolima, n'okulimba, n'okutta,
n'okubba, n'okukola eby'obwenzi;
bawaguza,
era bayiwa omusaayi obutakoma.
3 Ensi kyeneeva ekaaba,
ne bonna abagibeeramu ne bafuuka ekitagasa;
n'ensolo enkambwe ez'omu nsiko zirifa, n'ennyonyi ez'omu bbanga nazo zirifa,
n'ebyennyanja ebiri mu nnyanja ne bifa.

4 “Naye temuloopagana,
so tewabaawo muntu avunaana munne,
kubanga ensonga
ngivunaana gwe kabona.
5 Wakola ebibi emisana n'ekiro,
ne bannabbi ne babikolera wamu naawe;
kyendiva nzikiriza maama* wo.
6 Abantu bange bazikiridde olw'obutamanya.

“Kyemunaava mulema
okubeera bakabona bange;
era olw'okulagajjalira etteeka lya Katonda wo,
nange kyendiva ndagajjalira abaana bo.
7 Gye beeyongera okuba abangi,
gye baakoma n'okukola ebibi;
baasuula ekitiibwa kyabwe ne banswaza.
8 Bagaggawalira ku bibi by'abantu bange,
era basemba okwonoona kwabwe.
9 Era bwe kityo bwe kiriba eri abantu n'eri bakabona:
ndibabonereza olw'enneeyisa yaabwe,
era ne mbasasula ng'ebikolwa byabwe.

10 “Balirya naye tebalikkuta,
balikola ebibi eby'obwenzi kyokka tebalyeyongera bungi,
kubanga bavudde ku MUKAMA ne beewaayo
11 eri obwenzi,
wayini omukadde n'omusu,
ne bibamalamu okutegeera.
12 Abantu bange
beebuuza ku kikonge ky'omuti,
ne baddibwamu omuti.
Omwoyo ogw'obwenzi gubasendasenda
ne gubaleetera obutaba beesigwa eri Katonda waabwe.

---

* **4:5** maama kitegeeza Obwakabaka bwa Isirayiri

13 Baweerayo ssaddaaka ku ntikko z'ensozi,
ne baweerayo ebiweebwayo ebyokebwa ku busozi,
wansi w'emyalooni, n'emiribine n'emyera
awali ekisiikirize ekirungi.
Bawala bammwe kyebava baba bamalaaya,
ne baka baana bammwe ne bakola obwenzi.

14 "Siribonereza bawala bammwe
olw'okubeera bamalaaya,
newaakubadde baka baana bammwe
okukola eby'obwenzi,
kubanga abasajja bennyini bassa bumu ne bamalaaya,
ne baweerayo ssaddaaka ne bamalaaya ab'omu masabo;
abantu abatategeera balizikirira.

15 "Newaakubadde ggwe Isirayiri oyenda,
omusango guleme okuba ku Yuda.
Togenda Girugaali,
newaakubadde okwambuka e Besaveni.†
Tolayiranga nti, 'Nga Katonda bw'ali omulamu.'
16 Abayisirayiri bakakanyavu mu mitima
ng'ennyana endalu.
Olwo MUKAMA ayinza atya okubalabirira
ng'abaana b'endiga abali mu kisibo?
17 Efulayimu yeegasse n'abasinza ebifaananyi,
mumuleke abeere yekka.
18 Ebyokunywa ne bwe bibaggwaako,
beeyongera mu bwamalaaya;
n'abakulembeze baabwe baagala nnyo eby'ensonyi:
19 Embuyaga kyeziriva zibatwala,
ne ssaddaaka zaabwe ne zibaswaza."

# 5

### *Isirayiri Asalirwa Omusango*

1 Muwulire kino mmwe bakabona!
Musseeyo omwoyo, mmwe Isirayiri!
Muwulirize, mmwe ennyumba ya Kabaka!
Omusango guli ku mmwe:
Mubadde kyambika e Mizupa,
era ekitimba ekitegeddwa ku Taboli.
2 Abajeemu bamaliridde okutta,
naye ndibabonereza bonna.
3 Mmanyi byonna ebikwata ku Efulayimu,
so ne Isirayiri tankisibwa.
Efulayimu weewaddeyo okukuba obwamalaaya,
ne Isirayiri yeeyonoonye.

4 Ebikolwa byabwe tebibaganya
kudda eri Katonda waabwe,
kubanga omwoyo ogw'obwamalaaya guli mu mitima gyabwe,
so tebamanyi MUKAMA.

† **4:15** Besaveni kitegeeza ennyumba ey'abakozi b'ebibi

5 Amalala ga Isirayiri gabalumiriza;
Abayisirayiri ne Efulayimu balyesittala olw'omusango gwabwe;
ne Yuda alyesittalira wamu nabo.
6 Bwe baligenda n'ebisibo byabwe n'amagana gaabwe
okunoonya MUKAMA,
tebalimulaba;
abaviiridde, abeeyawuddeko.
7 Tebabadde beesigwa eri MUKAMA;
bazadde abaana aboobwenzi.
Embaga ez'omwezi ogwakaboneka
kyeziriva zibamalawo, n'ennimiro zaabwe ne ziragajjalirwa.

8 Mufuuwe eŋŋombe mu Gibea,
n'ekkondeere mu Laama.
Muyimuse amaloboozi e Besaveni;
mutukulembere mmwe Benyamini.
9 Efulayimu alifuuka matongo
ku lunaku olw'okubonerezebwa.
Nnangirira ebiribaawo
mu bika bya Isirayiri.
10 Abakulembeze ba Yuda bali ng'abo
abajjulula ensalo,
era ndibafukako obusungu bwange
ng'omujjuzo gw'amazzi.
11 Efulayimu anyigirizibwa,
era omusango gumumezze,
kubanga yamalirira okugoberera bakatonda abalala.
12 Kyenvudde nfuuka ng'ennyenje eri Efulayimu,
n'eri ennyumba ya Yuda n'emba ng'ekintu ekivundu.

13 "Efulayimu bwe yalaba obulwadde bwe,
ne Yuda n'alaba ekivundu kye,
Efulayimu n'addukira mu Bwasuli,
n'atumya obuyambi okuva eri kabaka waayo omukulu.
Naye tasobola kubawonya
newaakubadde okubajjanjaba ebiwundu byabwe.
14 Kyendiva mbeera ng'empologoma eri Efulayimu,
era ng'empologoma ey'amaanyi eri ennyumba ya Yuda.
Ndibataagulataagula ne ŋŋenda;
ndibeetikka ne mbatwala, ne babulwako ayinza okubawonya.
15 Ndiddayo mu kifo kyange,
okutuusa lwe balikkiriza omusango gwabwe.
Balinnoonya,
mu buyinike bwabwe, balinnoonya n'omutima gwabwe gwonna."

# 6

*Obujeemu bwa Isirayiri*

1 "Mujje, tudde eri MUKAMA.
Atutaaguddetaagudde,
naye alituwonya;
atuleeseeko ebiwundu,
naye ebiwundu alibinyiga.

2 Oluvannyuma olw’ennaku bbiri alituzzaamu obulamu, era ku lunaku
olwokusatu alituzza buggya,
ne tubeera balamu mu maaso ge.
3 Tumanye MUKAMA;
tunyiikire okumumanya.
Ng’enjuba bw’evaayo enkya,
bw’atyo bw’alirabika;
alijja gye tuli ng’enkuba ey’omu kiseera ky’omuzira,
era ng’enkuba eya ddumbi efukirira ettaka.”

4 Nkukolere ki, Efulayimu?
Nkukolere ki, Yuda?
Okwagala kwo kuli ng’olufu olw’enkya,
era ng’omusulo ogw’enkya ogukala amangu.
5 Kyenvudde nkozesa bannabbi okubasalaasala ebitundutundu,
ne mbatta n’ebigambo eby’omu kamwa kange,
era ne mbasalira emisango ng’okumyansa okw’eggulu.
6 Kubanga njagala ekisa so si ssaddaaka,
era n’okumanya Katonda, okusinga ebiweebwayo ebyokebwa.
7 Okufaanana nga Adamu, bamenye endagaano,
tebaali beesigwa.
8 Gireyaadi kibuga ky’abakozi ba bibi,
era engalo zaabwe zijjudde omusaayi.
9 Ng’abatemu bwe bateegerera omuntu mu kkubo,
n’ebibiina bya bakabona
bwe bityo bwe bittira ku luguudo olugenda e Sekemu,
ne bazza emisango egy’obuswavu.
10 Ndabye eby’ekivve
mu nnyumba ya Isirayiri;
era eyo Efulayimu gye yeeweereddeyo mu bwamalaaya,
ne Isirayiri gy’ayonoonekedde.

11 “Naawe Yuda,
amakungula gatuuse.

“Bwe ndikomyawo emikisa gy’abantu bange,

# 7

1 na buli lwe nawonyanga Isirayiri,
ebibi bya Efulayimu ne birabika,
n’ebikolwa eby’ekyejo ebya Samaliya nabyo ne birabika.
Balimba,
bamenya ne bayingira mu mayumba,
era batemu abateega abantu mu makubo.
2 Naye tebalowooza
nga nzijukira ebikolwa byabwe byonna ebibi.
Ebibi byabwe bibazingizza,
era mbiraba.

3 “Kabaka asanyukira obutali butuukirivu bwabwe,
n’abakungu basanyukira obulimba bwabwe.
4 Bonna benzi;

bali ng'ekyoto ekyaka omuliro,
omufumbi w'emigaati gw'ateetaaga kuseesaamu
okutuusa obutta bw'agoye, lwabuusa ku kyoto ne buzimbulukuka.
5 Ku lunaku kabaka lw'agabula embaga,
abakungu ettamiiro lya wayini ne libalwaza,
kabaka ne yeegatta n'abanyoomi.
6 Emitima gyabwe gyokerera nga oveni
mu busungu bwabwe;
Obusungu bwabwe bubuguumirira ekiro kyonna;
mu makya ne bwaka ng'omuliro.
7 Bonna bookya nga oveni,
era bazikiriza abakulembeze baabwe.
Bakabaka baabwe bonna bagudde;
tewali n'omu ku bo ankowoola.

8 "Efulayimu yeegattika ne bannaggwanga;
Efulayimu mugaati oguyiddeko oluuyi olumu.
9 Bannaggwanga banyuunyunta amaanyi ge
naye takimanyi.
Mu nviiri ze mulimu envi,
naye takiraba.
10 Okwekulumbaza kwa Isirayiri kwe kubalumiriza,
naye newaakubadde ng'ebyo byonna bimutuuseeko
tadda eri MUKAMA Katonda we
newaakubadde okumunoonya.

11 "Efulayimu ali ng'ejjiba,
alimbibwalimbibwa mangu era talina magezi;
bakaabira Misiri,
era bagenda eri Obwasuli.
12 Bwe baliba balaga eyo, ndibasuulako akatimba,
era ndibassa wansi ng'ennyonyi ez'omu bbanga.
Bwe ndiwulira nga bakuŋŋaana, ndibaziyiza.
13 Zibasanze,
kubanga bawabye ne banvaako.
Baakuzikirira
kubanga banjemedde.
Njagala nnyo okubanunula,
naye banjogerako eby'obulimba.
14 Tebankaabira n'emitima gyabwe,
wabula ebiwoobe babikubira ku bitanda byabwe.
Bakuŋŋaana awamu olw'emmere ey'empeke ne wayini,
naye ne banjeemera.
15 Nabayigiriza ne mbawa n'amaanyi,
naye bansalira enkwe.
16 Tebakyukira oyo Ali Waggulu Ennyo;
bafuuse ng'omutego gw'akasaale ogwayonooneka;
abakulembeze baabwe balifa kitala,
olw'ebigambo byabwe ebya kalebule.
Era kyebaliva babasekerera
mu nsi y'e Misiri."

# 8

*Isirayiri Akungula Embuyaga*

1 “Ffuwa ekkondeere.
Empungu eri ku nnyumba ya MUKAMA
kubanga abantu bamenye endagaano yange
ne bajeemera amateeka gange.
2 Isirayiri bankaabira nga boogera nti,
‘Katonda waffe, tukumanyi.’
3 Naye Isirayiri baleseeyo ekirungi;
omulabe kyaliva abayigganya.
4 Balonda bakabaka nga sikkirizza,
balonda abakulembeze be sikakasizza.
Beekolera ebifaananyi ebyole
mu ffeeza yaabwe ne mu zaabu yaabwe ebiribaleetera okuzikirira.
5 Kanyuga ebweru ekifaananyi ky’ennyana yo, ggwe Samaliya.
Obusungu bwange bubabuubuukirako.
Balituusa ddi okuba abatali batuukirivu?
6 Bava mu Isirayiri.
Ennyana eyo omuntu eyakuguka mu by’okuweesa, ye yagikola
so si Katonda.
Era ennyana eyo eya Samaliya
eribetentebwa.

7 “Basiga empewo,
ne bakungula embuyaga.
Ekikolo olw’obutaba na mutwe,
kyekiriva kirema okubala ensigo.
Naye ne bwe kyandibaze,
bannaggwanga bandigiridde.
8 Isirayiri amaliddwawo;
ali wakati mu mawanga
ng’ekintu ekitagasa.
9 Bambuse ne bagenda eri Obwasuli,
ng’endogoyi ey’omu nsiko eri yokka.
Efulayimu aguliridde abaganzi.
10 Newaakubadde nga beetunze eri amawanga,
ndibakuŋŋaanya,
era ndibawaayo eri okubonaabona
nga banyigirizibwa kabaka ow’amaanyi.

11 “Newaakubadde nga Efulayimu baazimba ebyoto bingi eby’ebiweebwayo olw’ekibi,
bifuuse byoto bya kukolerako bibi.
12 Nabawandiikira ebintu bingi mu mateeka gange,
naye ne babifuula ekintu ekigwira.
13 Bawaayo ebiweebwayo gye ndi,
ne balya ennyama yaabyo,
MUKAMA tabasanyukira.
Kaakano alijukira obutali butuukirivu bwabwe
n’ababonereza olw’ebibi byabwe:
Baliddayo e Misiri.
14 Isirayiri yeerabidde omutonzi we,

n'azimba embiri,
ne Yuda ne yeeyongera okuzimba ebibuga ebiriko bbugwe;
naye ndisindika omuliro ku bibuga byabwe,
ne gwokya ebigo byabwe."

# 9

*Okubonerezebwa kwa Isirayiri*

1 Tosanyuka ggwe Isirayiri;
tojaguza ng'amawanga amalala,
kubanga tobadde mwesigwa eri Katonda wo,
weegomba empeera eya malaaya
ku buli gguuliro.
2 Egguuliro n'essogolero tebiribaliisa,
ne wayini omusu alibaggwaako.
3 Tebalisigala mu nsi ya MUKAMA;
Efulayimu aliddayo e Misiri
n'alya emmere etali nnongoofu mu Bwasuli.
4 Tebaliwaayo biweebwayo ebya wayini eri MUKAMA,
so ne ssaddaaka zaabwe tezirimusanyusa.
Ssaddaaka zaabwe ziriba ng'emmere ey'abakungubazi,
ne bonna abaliziryako balifuuka abatali balongoofu.
Emmere eyo eriba yaabwe bo,
so teriyingizibwa mu yeekaalu ya MUKAMA.

5 Kiki ky'olikola ku lunaku olw'embaga ezaalondebwa,
ku lunaku olw'embaga ya MUKAMA?
6 Ne bwe baliwona okuzikirira,
Misiri alibakuŋŋaanya,
ne Menfisi alibaziika.
Eby'obugagga byabwe ebya ffeeza birizika,
n'eweema zaabwe zirimeramu amaggwa.
7 Ennaku ez'okubonerezebwa zijja,
ennaku ez'okusasulirwamu ziri kumpi.
Ekyo Isirayiri akimanye.
Olw'ebibi byammwe okuba ebingi ennyo,
n'obukambwe bwammwe obungi,
nnabbi ayitibwa musirusiru,
n'oyo eyabikkulirwa mumuyita mugu wa ddalu.
8 Nnabbi awamu ne Katonda wange
ye mukuumi wa Efulayimu,*
newaakubadde nga waliwo emitego mu kkubo lye,
n'obukambwe mu nnyumba ya Katonda we.
9 Boonoonye nnyo nnyini
nga mu nnaku ez'e Gibea.
Katonda alijjukira obutali butuukirivu bwabwe,
n'ababonereza olw'ebibi byabwe.

10 We nasangira Isirayiri,
kyali nga kulaba zabbibu mu ddungu.
Bwe nalaba bajjajjammwe,

* **9:8** Efulayimu be bantu ba Katonda

kyali nga kulaba ebibala ebisooka ku mutiini.
Naye bwe bajja e Baalipyoli,
beewonga eri ekifaananyi eky'ensonyi,
ne bafuuka ekyenyinnyalwa ng'ekifaananyi kye baayagala.
11 Ekitiibwa kya Efulayimu kiribuuka ne kigenda ng'ekinyonyi
nga tewali kuzaala, newaakubadde okuba olubuto newaakubadde okufuna olubuto.
12 Ne bwe balikuza abaana baabwe,
ndibabaggyako bonna.
Ziribasanga
bwe ndibavaako.
13 Nalaba Efulayimu
ng'asimbiddwa mu kifo ekirungi, nga Ttuulo bw'ali.
Naye Efulayimu alifulumya
abaana be ne battibwa.

14 Bawe Ayi Mukama Katonda.
Olibawa ki?
Leetera embuto zaabwe okuvaamu
obawe n'amabeere amakalu.
15 Olw'ebibi byabwe byonna mu Girugaali,
kyennava mbakyayira eyo.
Olw'ebikolwa byabwe ebitali bya butuukirivu,
kyendiva mbagoba mu nnyumba yange.
Siribaagala nate;
abakulembeze baabwe bonna bajeemu.
16 Efulayimu balwadde,
emirandira gyabwe gikaze,
tebakyabala bibala.
Ne bwe balizaala abaana baabwe,
nditta ezzadde lyabwe lye baagala ennyo.

17 Katonda wange alibavaako
kubanga tebamugondedde;
baliba momboze mu mawanga.

# 10

1 Isirayiri yali muzabbibu ogwagaagadde,
ogwabala ebibala byagwo.
Ebibala bye gye byeyongera obungi,
naye gye yeeyongera okuzimba ebyoto;
n'ensi ye gye yeeyongera okuba engagga,
gye yeeyongera okulungiya empagi ze.
2 Omutima gwabwe mulimba,
era ekiseera kituuse omusango gubasinge.
Mukama alimenya ebyoto byabwe,
era alizikiriza empagi zaabwe.

3 Olwo balyogera nti, "Tetulina kabaka
kubanga tetwatya Mukama.
Naye ne bwe twandibadde ne kabaka,
yanditukoleddeyo ki?"
4 Basuubiza bingi,

ne balayirira obwereeere
nga bakola endagaano;
emisango kyegiva givaayo
ng'omuddo ogw'obutwa mu nnimiro ennime.
5 Abatuuze b'e Samaliya bali mu ntiisa
olw'ennyana ensaanuuse ey'e Besaveni.
Abantu baayo baligikungubagira,
ne bakabona baayo abaweereza bakatonda abalala,
abaasanyukanga olw'ekitiibwa kyayo baligikungubagira,
kubanga ekitiibwa kyayo kigivuddeko.
6 Erisutulibwa n'etwalibwa e Bwasuli
n'eweebwa kabaka omukulu ng'ekirabo.
Efulayimu aliswazibwa
ne Isirayiri alikwatibwa ensonyi olw'ekiteeso kye.
7 Samaliya ne kabaka we balitwalibwa
ng'ekibajjo eky'omuti ku mazzi n'azikirizibwa.
8 Ebifo ebigulumivu eby'obutali butuukirivu birisaanyizibwawo,
kye kibi kya Isirayiri.
Amaggwa n'amatovu galimera ku byoto byabwe,
ne gabibikka.
Olwo ne bagamba ensozi nti, "Mutubuutikire,"
n'obusozi nti, "Mutugweko."

9 Okuva mu nnaku za Gibea, wayonoona, ggwe Isirayiri
era eyo gye wagugubira.
Entalo tezakwatira abakozi b'ebibi mu Gibea?
10 Bwe ndiba nga njagadde, ndibabonereza;
amawanga galikuŋŋaana okulwana nabo,
ne basibibwa mu masanga olw'ebibi byabwe eby'emirundi ebiri.
11 Efulayimu nnyana ntendeke
eyagala okuwuula;
kyendiva nteeka ekikoligo
mu nsingo ye ennungi.
Ndigoba Efulayimu
ne Yuda ateekwa okulima
ne Yakobo ateekwa okukabala.
12 Musige ensigo ez'obutuukirivu,
mukungule ebibala eby'okwagala okutaggwaawo;
mukabale ettaka lyammwe eritali ddime,
kubanga ekiseera kituuse okunoonya MUKAMA,
okutuusa lw'alidda
n'abafukako obutuukirivu.
13 Naye mwasimba obutali butuukirivu
ne mukungula ebibi,
era mulidde ebibala eby'obulimba.
Olw'okwesiga amaanyi go,
n'abalwanyi bo abangi,
14 olutalo kyeluliva lubawuumira mu matu,
n'ebigo byammwe byonna ne bizikirizibwa,
nga Sulemaani bwe yazikiriza Beswaluberi ku lunaku olw'olutalo,
abakyala ba nnakazadde lwe baggundwa ku ttaka n'abaana baabwe.
15 Bwe kityo bwe kiribeera, ggwe Besweri
kubanga ekibi kyo kinene nnyo.

Olunaku olwo bwe lulituuka,
kabaka wa Isirayiri alizikiririzibwa ddala.

# 11

*Okwagala kwa Katonda eri Isirayiri*

1 “Isirayiri bwe yali omwana omuto, namwagala,
era namuyita okuva mu Misiri.
2 Naye buli lwe nayongeranga okuyita Isirayiri,
nabo gye beeyongeranga okusemberayo
ne bawaayo ssaddaaka eri Babaali,
ne bootereza ebifaananyi ebyole obubaane.
3 Nze nayigiriza Efulayimu okutambula,
nga mbakwata ku mukono;
naye tebategeera
nga nze nabawonya.
4 Nabakulembera n’emiguwa egy’okusaasira okw’obuntu,
n’ebisiba eby’okwagala.
Naggya ekikoligo mu bulago bwabwe
ne neetoowaza ne mbaliisa.

5 “Tebaliddayo mu nsi ya Misiri,
era Obwasuli tebulibafuga
kubanga baagaana okwenenya?
6 Ekitala kirimyansiza mu bibuga byabwe
ne kizikiriza ebisiba ebya wankaaki waabwe,
ne kikomya enteekateeka zaabwe.
7 Abantu bange bamaliridde okunvaako.
Ne bwe banaakoowoola oyo Ali Waggulu Ennyo,
taabagulumize.

8 “Nnyinza ntya okukuleka ggwe Efulayimu?
Nnyinza ntya okukuwaayo ggwe Isirayiri?
Nnyinza ntya okukufuula nga Aduma?
Nnyinza ntya okukukola nga Zeboyimu?
Omutima gwange gwekyusiza munda yange,
Mpulira nkukwatiddwa ekisa kingi.
9 Siikole ng’obusungu bwange obungi bwe buli,
so siridda kuzikiriza Efulayimu;
kubanga siri muntu wabula ndi Katonda,
Omutukuvu wakati mu mmwe:
sirijja na busungu.
10 Baligoberera MUKAMA;
era aliwuluguma ng’empologoma.
Bw’aliwuluguma,
abaana be balijja nga bakankana okuva ebugwanjuba.
11 Balijja nga bakankana
ng’ebinyonyi ebiva e Misiri,
era ng’enjiibwa eziva mu Bwasuli.
Ndibafuula abatuuze mu maka gaabwe,”
bw’ayogera MUKAMA.

*Ekibi kya Isirayiri*

12 Efulayimu aneebunguluzza obulimba,
n'ennyumba ya Isirayiri eneebunguluzza obukuusa,
ne Yuda ajeemedde Katonda,
ajeemedde omwesigwa Omutukuvu.

# 12

1 Efulayimu alya mpewo;
agoba empewo ez'ebuvanjuba olunaku lwonna,
era bongera ku bulimba ne ku ttemu.
Bakola endagaano n'Obwasuli,
n'aweereza n'amafuta e Misiri.
2 MUKAMA alina ensonga ne Yuda,
era alibonereza Yakobo ng'engeri ze bwe ziri.
Amusasule ng'ebikolwa bye bwe biri.
3 Bwe yali mu lubuto lwa nnyina yakwata muganda we ku kisinziiro,
ne mu bukulu bwe n'ameggana ne Katonda.
4 Yameggana ne malayika n'amuwangula,
n'akaaba n'amwegayirira.
Yamusisinkana e Beseri,
n'ayogera naye.
5 MUKAMA Katonda ow'Eggye,
MUKAMA ly'erinnya lye erijjukirwa.
6 Naye oteekwa okudda eri Katonda wo;
kuuma okwagala n'obwenkanya,
olindiriringa Katonda wo ennaku zonna.

7 Omusuubuzi akozesa ebipimo eby'obulimba,
era anyumirwa okukumpanya.
8 Efulayimu yeewaana ng'ayogera nti,
"Ndi mugagga nnyo, nfunye ebintu bingi.
Mu bugagga bwange bwonna, tebayinza kundabamu kibi
wadde okwonoona kwonna."

9 Nze MUKAMA Katonda wo,
eyakuggya mu Misiri;
ndikuzzaayo n'obeera mu weema nate,
nga mu nnaku ez'embaga ezaalagirwa.
10 Nayogera eri bannabbi,
ne mbawa okwolesebwa kungi,
ne mbagerera engero nga mpita mu bo.
11 Gireyaadi butali butuukirivu
era n'abantu baamu butaliimu.
Mu Gireyaadi basalirayo ente ennume ne baziwaayo nga ssaddaaka,
era ebyoto byabwe binaaba ng'entuumo ey'amayinja mu nnimiro ennime.
12 Yakobo yaddukira mu nsi ya Alamu;*
Isirayiri yaweereza okufuna omukazi,
era okumufuna yalundanga ndiga.
13 MUKAMA yakozesa nnabbi okuggya Isirayiri mu Misiri,
era n'akozesa nnabbi okumukuuma.
14 Naye Efulayimu amusoomoozezza era amusunguwazizza,

* **12:12** Alamu bwe bukiikakkono obw'ebugwanjuba bwa Mesopotamiya

Mukama we kyaliva amutekako omusango olw'omusaayi gwe yayiwa,
n'amusasula olw'obunyoomi bwe.

# 13

### *MUKAMA Asunguwalira Isirayiri*

1 Efulayimu buli lwe yayogeranga, abantu baakankananga.
Yagulumizibwanga mu Isirayiri.
Naye bwe yayonoona olw'okusinza Baali, n'afa.
2 Ne kaakano bongera okwonoona;
ne beekolera ebifaananyi ebisaanuuse mu ffeeza yaabwe,
ng'okutegeera kwabwe bwe kuli,
nga byonna mulimu gw'abaweesi.
Kigambibwa nti,
"Bawaayo ssaddaaka ez'abantu,
ne banywegera ebifaananyi eby'ennyana."
3 Kyebaliva babeera ng'olufu olw'oku makya,
oba ng'omusulo oguvaawo amangu,
ng'ebisusunku embuyaga ze bifumuula okubiggya mu gguuliro,
oba ng'omukka ogufulumira mu ddirisa.

4 "Nze MUKAMA Katonda wo
eyakuggya mu nsi ya Misiri;
so tolimanya Katonda mulala wabula nze,
so tewali mulokozi wabula nze.
5 Nakulabirira mu ddungu,
mu nsi ey'ekyeya ekingi.
6 Bwe nabaliisa, bakkuta;
bwe bakkuta ne beegulumiza,
bwe batyo ne banneerabira.
7 Kyendiva mbalumba ng'empologoma,
era ndibateegera ku kkubo ng'engo.
8 Ng'eddubu erinyagiddwako abaana baalyo,
ndibalumba ne mbataagulataagula.
Era okufaananako ng'empologoma bw'ekola ndibaliira eyo,
ensolo ey'omu nsiko eribataagulataagula.
9 Ndibazikiriza mmwe Isirayiri,
kubanga munnwanyisa.
10 Kabaka wammwe ali wa, abalokole?
Abafuzi ab'omu bibuga byo byonna bali ludda wa,
be wayogerako nti,
'Tuwe kabaka n'abafuzi?'
11 Nabawa kabaka nga nsunguwadde,
ate ne mmubaggyako nga ndiko ekiruyi.
12 Omusango gwa Efulayimu guterekeddwa,
era n'ekibi kye kimanyiddwa.
13 Obubalagaze ng'obw'omukyala alumwa okuzaala bumujjira,
naye omwana olw'obutaba n'amagezi,
ekiseera bwe kituuka,
tavaayo mu lubuto.

14 "Ndibanunulayo mu maanyi g'emagombe,

era ndibalokola mu kufa.
Ggwe kufa, endwadde zo ziri ludda wa?
Ggwe Magombe, okuzikiriza kwo kuli ludda wa?

“Sirimusaasira,
15 ne bw’anaakulaakulana mu baganda be.
Empewo ey’ebuvanjuba erijja okuva eri MUKAMA,
ng’eva mu ddungu,
n’ensulo ze ne zikalira,
n’oluzzi lwe ne lukalira.
Eggwanika lye lirinyagibwa,
eby’omuwendo byonna ne bitwalibwa.
16 Abantu b’e Samaliya balivunaanibwa omusango gwabwe
kubanga bajeemedde Katonda waabwe.
Balittibwa n’ekitala, n’abaana baabwe abato balibetentebwa,
n’abakyala baabwe abali embuto balibaagibwa.”

# 14

*Okwenenya Kuleeta Omukisa*

1 Mudde eri MUKAMA Katonda wammwe, ggwe Isirayiri.
Ebibi byammwe bye bibaleetedde okugwa.
2 Mudde eri MUKAMA
nga mwogera ebigambo bino nti,
“Tusonyiwe ebibi byaffe byonna,
otwanirize n’ekisa,
bwe tutyo tunaawaayo ebibala by’akamwa kaffe, ng’ebiweebwayo eby’ente ennume.
3 Obwasuli tebusobola kutulokola;
Tetujja kwebagala mbalaasi ez’omu ntalo.
Tetuliddayo kwogera nate nti, ‘Bakatonda baffe,’
nga twogera ku bintu bye twekoledde n’emikono gyaffe,
kubanga mu ggwe, bamulekwa mwe bajja okusaasirwa.”

4 Ndibalekesaayo empisa zaabwe embi,
ne mbaagala awatali kye mbasalidde kya kusasula.
Kubanga obusungu bwange butanudde okubavaako.
5 Ndifaanana ng’omusulo eri Isirayiri:
alimulisa ng’eddanga,
era alisimba emirandira ng’emivule gy’e Lebanooni.
6 Amatabi ge amato galikula;
n’obulungi bwe buliba ng’omuzeyituuni,
n’akaloosa ke kaliba ng’akaloosa k’omuvule gw’e Lebanooni.
7 Abantu balibeera nate wansi w’ekisiikirize kye,
era alibala ng’emmere ey’empeke.
Alimulisa ng’omuzabbibu,
era alyatiikirira nga wayini ow’e Lebanooni.
8 Ggwe Efulayimu mugabo ki gwe nnina mu bakatonda bo?
Ndimwanukula ne mulabirira.
Nninga omuberosi omugimu, era n’ebibala byo biva mu nze.

9 Abalina amagezi bategeera ensonga zino,
era abakabakaba balibimanya.

Amakuba ga MUKAMA matuufu,
n’abatuukirivu bagatambuliramu,
naye abajeemu bageesittaliramu.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Yoweeri

1 Buno bwe bubaka bwa MUKAMA obwajjira Yoweeri mutabani wa
Pesweri.
2 Muwulirize mmwe abakadde ba Isirayiri,
buli ali mu nsi naye awulirize.
Kino kyali kibaddewo mu biseera byammwe,
oba mu biseera bya bakitammwe?
3 Mukibuulire abaana bammwe,
nabo balikibuulira abaana baabwe,
nabo balikibuulira ab'emirembe egiriddawo.
4 Ebibinja by'enzige ebisooka bye zitalidde,
enzige eziddirira zibirumbye,
ate ezo bye zireseewo,
enzige ento bye ziridde,
ate zino bye zireseewo,
enzige endala ne zibizikiririza ddala byonna!

5 Muzuukuke, mmwe abatamiivu, mwekaabire amaziga;
mukube ebiwoobe mmwe mwenna abanywi b'omwenge,
mukube ebiwoobe kubanga akamwa kammwe
katuuse okwerabira omwenge omusu.
6 Eggwanga lirumbye ensi yange,
ery'amaanyi ennyo era ery'abantu abatabalika.
Amannyo gaalyo gali ng'ag'empologoma,
n'amasongezo gaalyo ng'ag'empologoma enkazi.
7 Eggwanga eryo lizikirizza emizabbibu gyange,
ne limalawo emitiini gyange.
Lisusumbudde ebikuta byagyo,
byonna biri ku ttaka,
amatabi gaagyo gasigadde gatukuuliridde.

8 Mukungubage nga nnamwandu omuto afiiriddwa bba,
ng'ayambadde ebibukutu olw'ennaku.
9 Ebiweebwayo eby'emmere ey'empeke n'ebiweebwayo eby'okunywa
tewakyali kirabikako mu nnyumba ya MUKAMA.
Bakabona abaweerereza mu maaso ga Katonda
bakungubaga.
10 Ennimiro ziweddemu ebirime;
ettaka likaze,
Emmere ey'empeke eweddewo,
omwenge omusu n'amafuta g'emizeeyituuni ne bibulira ddala.

11 Mmwe abalimi mukwatibwe entiisa,
mmwe abalima emizabbibu mukaabe.
Mukaabire eŋŋaano ne sayiri,
kubanga ebyandikunguddwa byonna biweddewo.
12 Omuzabbibu gukaze
n'omutiini guyongobedde.

Omukomamawanga, n'olukindu ne apo
n'emiti gyonna egy'omu nnimiro giwotose.
Abantu tebakyalina ssanyu.

### *Abantu Bayitibwa Okwenenya*

13 Mmwe bakabona, mwesibe mwambale ebibukutu mukungubage.
Mmwe abaweereza ba Katonda wange ab'oku kyoto,
mweyale wansi awali ekyoto,
musule awo ekiro kyonna nga mukuba ebiwoobe,
kubanga mu nnyumba ya Katonda wammwe temukyali kiweebwayo kyonna,
eky'emmere ey'empeke oba eky'envinnyo.
14 Mulangirire okusiiba okutukuvu
n'okukuŋŋaana mu maaso ga Katonda.
Muyite abakulu abakulembeze
n'abantu bonna ababeera mu nsi,
bajje mu nnyumba ya MUKAMA Katonda waabwe
bamukaabirire.

15 Zitusanze olw'olunaku luli!
Kubanga olunaku lwa MUKAMA olw'entiisa lusembedde.
Lulijja, ng'okuzikiriza
okuva eri Ayinzabyonna.

16 Emmere tetuweddeeko
nga tulaba?
Essanyu n'okujaguza
mu nnyumba ya Katonda waffe tebikomye?
17 Ensigo ziwotokedde
mu ttaka,
amawanika makalu
n'ebyagi by'emmere bikaze,
kubanga emmere ey'empeke eweddewo.
18 Ensolo nga zisinda!
Amagana gabuliddwa amagezi;
kubanga tewali muddo,
n'endiga nazo zidooba.

19 Ayi MUKAMA, Ggwe gwe nkaabirira,
kubanga omuddo gwonna gumaliddwawo empiira,
n'emiti gyonna egy'omu nnimiro
nagyo giyidde.
20 Ensolo ez'omu nsiko nazo zikukaabira okuziyamba,
emigga gikalidde,
ne gye ziriira, omuddo gwonna guyidde.

## 2

### *Okulabula ku Lunaku lwa MUKAMA Olujja*

1 Bakabona mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni.
N'akagombe ak'okulabula kavugire ku lusozi lwange olutukuvu.

Buli muntu yenna mu ggwanga akankane olw'entiisa,
kubanga olunaku lwa MUKAMA lusembedde,

era lunaatera okutuuka.
2 Luliba olunaku olutaliiko ssanyu, olw'ekizikiza;
olunaku olw'ebire ebingi n'ekizikiza ekikutte.
Eggye ery'enzige ery'amaanyi ennyo,
ng'ery'abantu abalwanyi ab'ekitalo, libuutikidde ensozi.
Tewabangawo ggye lirifaanana mu biro byonna eby'edda,
era teribaayo liryenkana mu mirembe gyonna egiriddawo.

3 Enzige ezikulembedde zirya ng'omuliro ogwokya buli wantu,
n'ezizivaako emabega nazo zibizikiririze ddala ng'ennimi z'omuliro.
Mu maaso gye ziraga ensi erabika bulungi ng'ennimiro ya Adeni,
naye gye ziva buli kimu zikiridde;
ensi yonna zigirese nga ddungu jjereere.
4 Zifaanana ng'embalaasi,
era zidduka ng'embalaasi ez'entalo.
5 Zigenda zibuuka ku nsozi
nga zikekera ng'amagaali agasikibwa embalaasi bwe gakekera;
ne ziwuuma nga bwe zitulikatulika ng'omuliro ogwokya ebisubi ebikalu;
era nga
ziri ng'eggye eddene mu lutalo eryetegekedde okulumba omulabe.

6 Abantu abazirabyeko nga zisembera bali mu bulumi bungi,
era bonna beeraliikirivu.
7 Zirumba n'amaanyi ng'eggye ery'abalwanyi,
ne ziwalampa ebisenge ng'abajaasi.
Zikumbira mu nnyiriri zaazo nga zitereera bulungi
awatali kuwaba n'akamu.
8 Tezirinnyaganako,
buli emu ekumbira mu kkubo lyayo.
Ziwaguza mu buli kyakulwanyisa kyonna,
ne watabaawo kisobola kuziziyiza.
9 Zifubutuka ne zigwira ekibuga.
Zikiwalampa ne zibuna bbugwe waakyo.
Zirinnya amayumba
ne ziyingirira mu madirisa ng'ababbi bwe bakola.

10 Zikankanya ensi
era n'eggulu ne lijugumira.
Zibuutikira enjuba n'omwezi,
era n'emmunyeenye tezikyayaka.
11 MUKAMA akulembera eggye lye
n'eddoboozi eribwatuuka.
Eggye lya MUKAMA ddene nnyo era lya maanyi.
Abalirimu abatuukiriza ebiragiro bye ba maanyi.
Kubanga olunaku lwa MUKAMA lukulu
era lwa ntiisa nnyo.
Ani ayinza okulugumira?

### *Abantu Bayitibwa Okwenenya*

12 MUKAMA kyava agamba nti,
"Mukomeewo gye ndi n'omutima gwammwe gwonna.
Mukomeewo n'okusiiba n'okukaaba awamu n'okukungubaga."

13 Muyuze emitima gyammwe

so si byambalo byammwe.
Mudde eri MUKAMA Katonda wammwe,
kubanga ajjudde ekisa n'okusaasira,
era tasunguwala mangu; ajjudde okwagala okutaggwaawo;
n'abandisaanidde okubonerezebwa abasonyiwa.
14 Ani amanyi obanga anaakyuka n'abasonyiwa,
n'abawa omukisa gwe
ne musobola n'okuwaayo eri MUKAMA Katonda wammwe
ekiweebwayo eky'emmere enkalu, n'ekiweebwayo eky'ekyokunywa?

15 Mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni,
mulangirire okusiiba okutukuvu.
Muyite olukuŋŋaana olussaamu Katonda ekitiibwa.
16 Mukuŋŋaanye abantu bonna.
Mutukuze ekibiina ekyo ekikuŋŋaanye.
Muyite abakulu abakulembeze.
Muleete abaana abato
n'abo abakyali ku mabeere.
N'oyo eyakawasa aveeyo mu kisenge kye,
n'eyakafumbirwa naye aveeyo gy'ali.
17 Bakabona abaweereza ba MUKAMA
bayimirire wakati w'ekisasi kya yeekaalu n'ekyoto,
bakaabirire MUKAMA nga bamusaba nti, "Saasira abantu bo, Ayi MUKAMA;
abantu b'obusika bwo tobaleka kugwa mu mikono gya bannamawanga okubafuga
era n'okubasekerera.
Bannamawanga baleme kuduula nga boogera nti,
'Katonda waabwe ali ludda wa?' "

### *MUKAMA Asaasira Abantu Be*

18 Awo MUKAMA n'akwatirwa ensi ye ekisa,
n'asaasira abantu be.
19 N'ayanukula abantu be nti,
"Muwulirize, nzija kubaweereza emmere enkalu, n'envinnyo, n'amafuta,
ebimala okubakkusiza ddala,
era siriddayo kubaleka, ne mufuuka ekivume,
bannaggwanga amalala ne babasekerera.

20 "Ndibagobako eggye ery'omu bukiikakkono
ne ndigobera mu ddungu ery'ewala ennyo.
Ekibinja ekikulembeddemu ndikigobera mu nnyanja ey'Ebuvanjuba,
n'ekibinja eky'emabega ndikigobera mu nnyanja ey'Ebugwanjuba.
Ekivundu n'okuwunya birituuka wala
okusinga ebyo byonna bye libakoze."

21 Mwe abali mu nsi, temutya.
Musanyuke era mujaguze;
kubanga MUKAMA abakoledde ebikulu.
22 Nammwe ensolo ez'omu nsiko temutya;
kubanga omuddo gwonna mu nsiko gusibukidde.
Emiti gibaze ebibala byagyo,
era emitiini n'emizabbibu nagyo gibaze ebibala bingi.
23 Musanyuke mmwe abaana ba Sayuuni;
mujagulize MUKAMA Katonda wammwe.

Kubanga abawadde
enkuba esooka mu butuukirivu.
Era abawadde enkuba nnyingi esooka n'esembayo
mu mwaka ng'obw'edda.
24 Amawuuliro gammwe galijjula eŋŋaano,
n'amasogolero gammwe galijjula envinnyo n'amafuta n'okubooga ne gabooga.

25 "Ndibaddizaawo byonna enzige bye zaalya mu myaka egyo.
Lyali ggye lyange ery'amaanyi lye nabasindikira nga lirimu lusejjera,
n'enzige ezisala obusazi,
awamu n'ezo ezizikiririza ddala.
26 Kale, munaabanga n'ebyokulya bingi nga bwe muneetaaganga.
Munaatenderezanga erinnya lya MUKAMA Katonda wammwe
abakoledde ebintu ebirungi bwe bityo.
Era abantu bange tebakyaddayo kuswazibwa.
27 Mulimanya nga ndi wakati mu Isirayiri,
era nga Nze, MUKAMA, Nze Katonda wammwe,
so tewali mulala;
n'abantu bange tebakyaddayo kuswazibwa.

### *MUKAMA Afuka Omwoyo We ku Bantu Be*

28 "Awo olulituuka oluvannyuma lw'ebyo,
ndifuka Omwoyo wange ku bantu bonna.
Batabani bammwe ne bawala bammwe balitegeeza eby'omu maaso;
abakadde baliroota ebirooto,
n'abavubuka bammwe balyolesebwa.
29 Mu biro ebyo
ndifuka Omwoyo wange ku baweereza bange abasajja n'abakazi.
30 Era ndyolesa ebyamagero mu ggulu
ne ku nsi:
omusaayi n'omuliro n'ekikoomi eky'omukka.
31 Enjuba erifuuka ekizikiza,
n'omwezi gulimyuka ng'omusaayi,
olunaku lwa MUKAMA olukulu era olw'entiisa nga terunnatuuka.
32 Awo olulituuka buli alikoowoola
erinnya lya MUKAMA okusaasirwa alirokoka.
Kubanga mu lusozi Sayuuni ne mu Yerusaalemi
walibaawo abaliwona
nga MUKAMA bw'ayogedde,
ne mu abo abalifikkawo
mulibaamu abo MUKAMA b'aliyita."

# 3

### *Abalabe ba Isirayiri Basalirwa Omusango*

1 "Mu nnaku ezo, era mu biseera ebyo,
Yuda n'ekibuga Yerusaalemi ndibiddiza emikisa gyabyo nga bwe gyabanga edda.
2 Ndikuŋŋaanya abamawanga bonna
ne mbaserengesa mu kiwonvu Yekosafaati,
ne mbasalira omusango

olwa byonna bye baakola abantu bange Abayisirayiri ab'obusika bwange.
Kubanga baasaasaanya Abayisirayiri mu mawanga,
ne bagabana ensi yange.
3 Baagabana abantu bange nga babakubirako obululu;
ne batunda abalenzi olw'abakazi bamalaaya,
n'abawala ne babatundamu omwenge
ne beenywera.
4 "Mwe Ttuulo ne Sidoni n'enjuyi zonna ez'Abafirisuuti, mmwe b'ani
ku Nze? Nnina kye nabakola kye mugezaako okwesasuza? Bwe munaaba
nga mugezaako kwesasuza, ebikolwa byammwe nzija kubibakyusizaako
mangwago.
5 Kubanga mwatwala effeeza yange ne zaabu yange n'ebintu byange
eby'omuwendo omungi ne mubissa mu masabo gammwe.
6 Mwatwala abantu b'omu Yuda ne mu Yerusaalemi ne mubatunza
Abayonaani.
7 "Laba, ndibaggyayo mu mawanga gye mwabatunda; mmwe mbakole
nga bwe mwabakola.
8 Batabani bammwe ne bawala bammwe ndibaguza batabani ba Yuda,
nabo balibaguza abantu ab'omu ggwanga ery'ewala ennyo, ery'e Seba."
Ebyo MUKAMA y'abyogedde.

### *Bakabona Balangirira Omusango eri Abaamawanga*

9 Bakabona mulangirire mu mawanga bwe muti nti,
Mwetegekere olutalo!
Muyite abalwanyi bammwe ab'amaanyi,
buli mulwanyi yenna asembere ajje mu lutalo.
10 Enkumbi zammwe muziweeseemu ebitala,
n'obwambe bwammwe mubuweeseemu amafumu;
omunafu agambe nti,
"Ndi wa maanyi."
11 Mujje mangu mwe mwenna abamawanga agatwetoolodde,
mukuŋŋaanire mu kiwonvu.
Ayi MUKAMA, weereza eggye lyo libalumbe.
12 "Amawanga geeteeketeeke
gajje mu kiwonvu ekya Yekosafaati;
kubanga eyo gye ndisinzira
ne nsalira amawanga gonna ageetoolodde wano omusango.
13 Kozesa oluwabyo lwo,
kubanga ekiseera eky'amakungula kituuse.
Mujje mubabetente nga bwe mulinnyirira emizabbibu mu ssogolero
okutuusa envinnyo lw'ekulukuta,
ekibi kyabwe kinene nnyo."

14 Abantu bukadde na bukadde
abali mu kiwonvu eky'okusalirwamu omusango!
Kubanga olunaku lwa MUKAMA lusembedde
lwaliramulirako mu kiwonvu eky'okusalirwamu omusango.
15 Ekizikiza kibuutikidde enjuba n'omwezi,
n'emmunyeenye tezikyayaka.
16 MUKAMA aliwuluguma ng'ayima ku Sayuuni;
alibwatuka n'eddoboozi lye ng'asinziira mu Yerusaalemi.
Eggulu n'ensi birikankana.

Naye MUKAMA aliba ekiddukiro ky'abantu be,
era ekigo ky'abaana ba Isirayiri eky'amaanyi.
17 "Kale mulimanya nga Nze MUKAMA Katonda wammwe,
abeera ku lusozi lwange olutukuvu Sayuuni.
Era Yerusaalemi kinaabeeranga kitukuvu,
nga ne bannamawanga tebakyakirumba.

18 "Olunaku luli bwe lulituuka, ensozi ziritonnyesa wayini omuggya,
n'obusozi bulikulukusa amata,
n'emigga gyonna egya Yuda emikalu girikulukusa amazzi.
Ensulo eriva mu nnyumba ya MUKAMA
n'efukirira ekiwonvu kya Sittimu.
19 Misiri erifuuka amatongo
n'ensi ya Edomu erifuuka ddungu jjereere
olw'ebikolobero bye baakola ku bantu ba Yuda,
ensi mwe battira abantu abatalina musango.
20 Naye mu Yuda mulibeeramu abantu ennaku zonna,
ne Yerusaalemi kiribeerawo emirembe gyonna.
21 Ndyesasuza olw'omusaayi ogw'abo abattibwa,
era teriba mutemu asonyiyibwa.
Kubanga MUKAMA abeera mu Sayuuni."

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Amosi

1 Bino bye bigambo Amosi eyali omu ku balunzi b'endiga mu bitundu
by'e Tekowa bye yabikkulirwa, musisi amale ajje nga wakayitawo emyaka
ebiri, mu mirembe gya Uzziya kabaka wa Yuda, era nga gy'emirembe gya
kabaka Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi nga y'afuga Isirayiri.

2 Amosi yagamba nti,
"Mukama awuluguma ng'asinziira mu Sayuuni,
era eddoboozi lye liwulirwa nga libwatukira mu Yerusaalemi;
omuddo mu malundiro gulikala
n'entikko y'olusozi Kalumeeri erisigala njereere."

*Okulamulwa kwa Baliraanwa ba Isirayiri*

3 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti,
"Olw'ebyonoono bya Ddamasiko ebisatu,
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Kubanga baabonereza nnyo abantu b'e Gireyaadi
nga babasalaasala n'ebyuma.
4 Ndiweereza omuliro mu lubiri lwa kabaka Kazayeeri
era njokye n'ebigo bya kabaka Benikadadi.
5 Era ndimenya enzigi z'ekibuga Ddamasiko
era ndizikiriza kabaka ali mu Kiwonvu ky'e Aveni,
oyo akwata omuggo ogw'obwakabaka mu Besiadeni.
Abantu b'e Busuuli balitwalibwa mu buwaŋŋanguse mu Kiri,"
bw'ayogera Mukama.
6 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti,
"Olw'ebyonoono bya Gaza ebisatu,
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Kubanga yatwala eggwanga ddamba mu busibe
n'alitunda eri Edomu.
7 Ndiweereza omuliro ku bbugwe wa Gaza
ogulyokya ebigo byakyo.
8 Ndizikiriza atuula mu Asudodi,
n'oyo akwata omuggo gw'obwakabaka ndimumalawo okuva mu Asukulooni.
Ndibonereza Ekuloni
okutuusa lwe ndimalirawo ddala Abafirisuuti,"
bw'ayogera Mukama.
9 Mukama bw'ati bw'ayogera nti,
"Olw'ebyonoono bya Ttuulo ebisatu,
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Kubanga yatunda eggwanga ddamba erya Edomu mu busibe
n'amenya endagaano ey'obwaseruganda eyali ekoleddwa,
10 kyenaava mpeereza omuliro ku bbugwe wa Ttuulo,
ogunaayokya ebigo byakyo."
11 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti,
"Olw'ebyonoono bya Edomu ebisatu,
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.

Kubanga yayigganya muganda we n'ekitala
awatali kusaasira,
obusungu bwabwe ne bubuubuuka obutakoma
era ne batabusalako.
12 Ndiweereza omuliro ku Temani
oguliyokya ebigo bya Bozula."
13 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Olw'ebyonoono bya Amoni ebisatu
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Mu ntalo ez'okugaziya ensi ye,
yabaaga abakazi abaali embuto ab'e Giriyaadi.
14 Ndiweereza omuliro ku bbugwe wa Labba,
era gulyokya ebigo byakyo.
Walibaawo n'oluyoogaano olunene ku lunaku olw'olutalo
mu mpewo ey'amaanyi, kibuyaga ng'akunta.
15 Kabaka waakyo alitwalibwa mu buwaŋŋanguse,
ye n'abakungu be bonna,"
bw'ayogera MUKAMA.

# 2

1 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Olw'ebyonoono bya Mowaabu ebisatu
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Kubanga yayokya amagumba ga kabaka wa Edomu
ne gafuuka evvu.
2 Ndiweereza omuliro ku Mowaabu
era gulyokya ebigo bya Keriyoosi.
Abantu ba Mowaabu balifiira
wakati mu kusasamala okungi omuliba okuleekaana n'okufuuwa amakondeere.
3 Ndizikiriza omukulembeze wa Mowaabu
n'abakungu baamu bonna, ndibatta,"
bw'ayogera MUKAMA.
4 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Olw'ebyonoono bya Yuda ebisatu
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Kubanga banyoomye amateeka ga MUKAMA,
ne batakuuma biragiro bye nabawa
ne bagondera bakatonda ab'obulimba
bajjajjaabwe be baagobereranga.
5 Ndiweereza omuliro ku Yuda
ne njokya ebigo bya Yerusaalemi."

6 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Olw'ebyonoono bya Isirayiri ebisatu
weewaawo ebina, siriggyawo busungu bwange.
Batunda obutuukirivu bafune ffeeza,
ne batunda n'abaavu olw'omugogo gw'engatto.
7 Balinnyiririra emitwe gy'abaavu
mu nfuufu,
n'abajoogebwa ne batalamulwa mu bwenkanya.
Omwana ne kitaawe bayingira eri omuwala omu
ne boonoona erinnya lyange.

8 Bagalamira okumpi ne buli kyoto
ku ngoye ezaweebwayo ng'obweyamo.
Mu nnyumba ya bakatonda baabwe
mwe banywera omwenge oguleetebwa abatanziddwa.

9 "Nazikiriza Abamoli ku lwabwe
newaakubadde nga baali bawanvu ng'emivule
era nga ba maanyi ng'emyera.
Nazikiriza ebibala ebyali waggulu
okutuuka ku mirandira egyali wansi.
10 Nakuggya mu nsi y'e Misiri,
ne nkukulemberera emyaka amakumi ana mu ddungu,
weetwalire ensi y'Abamoli.

11 "Nayimusa abamu ku batabani bammwe okubeera bannabbi,
ne ku balenzi bammwe okuba Abawonge ba MUKAMA.
Si bwe kiri bwe kityo abantu ba Isirayiri?"
bw'ayogera MUKAMA.
12 "Naye mmwe ne mudda mu kuwa Abawonge ba MUKAMA omwenge okunywa,
ne muwa bannabbi amateeka nga mubagamba nti temuwa byabunnabbi.

13 "Laba, ndibasesebbula
ng'eggaali eryettisse ebinywa by'emmere ey'empeke bwe lisesebbula ekiri mu kkubo lyalyo.
14 Abanguwa tebaliwona,
n'ab'amaanyi tebalikuŋŋaanya maanyi gaabwe
era n'omuzira nnamige talisobola kuwonya bulamu bwe.
15 Omukubi w'obusaale omukugu taliyimirira kunywera,
n'omuserikale ow'ebigere nnakinku talisobola kuwenyuka.
Abo abasajja abazira abeebagazi b'embalaasi tebalisobola kuwonya bulamu bwabwe.
16 Ku lunaku olwo abalwanyi abazira nnamige
balidduka bukunya!"
bw'atyo bw'ayogera MUKAMA.

# 3

*Okulabula Abantu ba Isirayiri*

1 Muwulire ekigambo kino MUKAMA ky'aboogerako mmwe abaana ba
Isirayiri, ennyumba yonna gye naggya mu Misiri.
2 "Mu bantu bonna abali ku nsi,
mmwe mwekka be nalonda.
Kyendiva mbabonereza
olw'ebibi byammwe byonna."
3 Abantu ababiri bayinza okutambulira awamu
wabula nga bakkiriziganyizza?
4 Empologoma ewulugumira mu kisaka
nga terina muyiggo?
Empologoma ento ekaabira mu mpuku yaayo
nga teriiko ky'ekutte?
5 Akanyonyi kayinza okugwa mu mutego

nga tewali kikasikirizza?
Omutego gumasuka
nga teguliiko kye gukwasizza?
6 Akagombe kavugira mu kibuga
abantu ne batatya?
Akabenje kagwa mu kibuga
nga MUKAMA si y'akaleese?

7 Naye ddala MUKAMA Katonda takola kintu kyonna
nga tasoose kukibikkulira
baweereza be, bannabbi.

8 Empologoma ewulugumye,
ani ataatye?
MUKAMA Katonda ayogedde
ani ataawe bubaka bwe?

9 Langirira eri ebigo by'e Asudodi
n'eri ebigo by'e Misiri nti,
"Mujje mukuŋŋaanire ku nsozi z'e Samaliya
mulabe akajagalalo akanene akali eyo
n'abantu be nga bwe bajoogebwa."

10 MUKAMA agamba nti, "Abantu abajjuzza
ebigo byabwe n'ebintu ebinyage,
tebamanyi kukola kituufu."
11 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Omulabe alirumba ensi,
n'amenyaamenya ebigo byo eby'amaanyi
era n'abinyagulula."
12 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Ng'omusumba bw'agezaako okutaasa endiga ye okuva mu kamwa k'empologoma
n'asikayo amagulu abiri obubiri n'ekitundu ky'okutu,
bwe batyo Abayisirayiri bwe balinunulibwa,
abo abatuula mu Samaliya
ku nkomerero y'ebitanda byabwe
ne ku bitanda byabwe mu Ddamasiko.
13 "Muwulirize kino era mulumirize enju ya Yakobo yonna," bw'ayogera
MUKAMA Katonda Ayinzabyonna.
14 "Ku lunaku lwe lumu lwe ndibonereza Isirayiri olw'ebibi bye,
ndisaanyaawo ebyoto by'e Beseri,
n'amayembe g'ekyoto galisalibwako
ne gagwa wansi.
15 Era ndisaanyaawo ennyumba ebeerwamu mu biseera eby'obutiti,
awamu n'ennyumba ebeerwamu mu biseera ey'ebbugumu;
era ndimenyaamenya n'ennyumba ezayolebwa n'amasanga,
ne nsanyaawo n'embiri,"
bw'ayogera MUKAMA.

# 4

*Katonda Yeerayirira Okuzikiriza Abantu*

1 Muwulire kino mmwe ente ez'omu Basani ezibeera ku Lusozi Samaliya,
mmwe abakazi abajooga abaavu ne munyigiriza abanaku,
era abagamba ba bbaabwe nti, "Mutuleteteyo ekyokunywa."
2 Mu butukuvu bwe MUKAMA Katonda alayidde nti,
"Ekiseera kijja
lwe balibasika n'amalobo,
era abalisembayo ku mmwe ne basikibwa n'amalobo agavuba.
3 Mulisikibwa okuva mu mayumba gammwe
ne musuulibwa ebweru nga muyisibwa mu bituli ebibotoddwa mu bbugwe,
musuulibwe ku Kalumooni,
bw'ayogera MUKAMA.
4 Kale mmwe mugende e Beseri mukoleyo ebitasaana;
era mugende ne Girugaali mwongere okukola ebibi.
Mutwalengayo ssaddaaka zammwe buli nkya,
n'ekimu eky'ekkumi buli myaka esatu.
5 Muweeyo ekiweebwayo eky'okwebaza eky'emigaati egizimbulukusibbwa,
mulangirire n'ebiweebwayo eby'ekyeyagalire;
mwe mwenyumiririza, mmwe Abayisirayiri
kubanga ekyo kye mwagala,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda Ayinzabyonna.

6 "Nabaleetera enjala embuto zammwe ne ziba njereere mu buli kibuga,
ne ssibawa kyakulya mu buli kabuga,
naye era ne mugaana okudda gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

7 "Ne mbamma enkuba
ng'ekyabulayo emyezi esatu amakungula gatuuke.
Ne ntonnyesa enkuba mu kibuga ekimu
ne ngiziyiza mu kirala.
Yatonnyanga mu nnimiro emu,
mu ndala n'etatonnya, ebirime ne biwotoka.
8 Abantu ne bavanga mu kibuga ekimu ne balaga mu kirala nga banoonya amazzi banyweko,
naye ne gababula;
naye era ne mutakyuka kudda gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

9 "Emirundi mingi ebirime byammwe n'ennimiro zammwe ez'emizabbibu na bigengewaza.
Nabileetako obulwadde.
Enzige nazo ne zirya emitiini gyammwe n'emizeeyituuni gyammwe,
naye era temwadda gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

10 "Nabasindikira kawumpuli
nga gwe nasindika mu Misiri.
Abavubuka bammwe ne mbattira mu lutalo n'ekitala
awamu n'embalaasi zammwe ze mwawamba.
Okuwunya kw'olusisira lwammwe ne kuyitirira nnyo
naye era ne mugaana okudda gye ndi,"

bw'ayogera MUKAMA.

11 "Nazikiriza abamu ku mmwe
nga bwe nakola Sodomu ne Ggomola,
ne muba ng'olumuli olusikiddwa mu muliro ogwaka
naye era ne mulema okudda gye ndi,"
bw'ayogera MUKAMA.

12 "Kyendiva nkukola bwe ntyo, ggwe Isirayiri,
era ndikwongerako ebibonoobono.
Noolwekyo weetegeke okusisinkana Katonda wo, ggwe Isirayiri."
13 Kubanga laba, oyo eyatonda ensozi
era ye yatonda n'embuyaga
era abikkulira omuntu ebirowoozo bye.
Yafuula enkya okubeera ekiro,
era alinnya mu bifo ebigulumivu eby'ensi.
MUKAMA Katonda ow'Eggye lye linnya lye.

# 5

*Okukuba Omulanga ogw'Okukungubaga n'Okwenenya mu Isirayiri*

1 Muwulirize mmwe abantu ba Isirayiri ekigambo kino eky'ennaku
ekibakwatako.
2 "Isirayiri embeerera agudde
obutayimuka nate.
Bamwabulidde
era tewali amuyimusa."
3 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda nti,
"Ekibuga ekiyungula abalwanyi olukumi okugenda mu lutalo
kirisigazaawo kikumi bokka,
n'ekyo ekiweereza ekikumi,
kirizza kkumi bokka!"
4 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA eri ennyumba ya Isirayiri nti,
"Munnoonye kale munaabanga balamu.
5 Temunnoonyeza Beseri
so temulaga Girugaali
wadde okulaga e Beeruseba.
Kubanga abantu b'e Girugaali balitwalibwa mu buwaŋŋanguse
era ne Beseri kiriggwaawo."
6 Munoonye MUKAMA munaabanga balamu
aleme okubuubuuka ng'omuliro ku nnyumba ya Yusufu;
guligyokya
nga tewali wa kuguzikiza mu Beseri.

7 Mmwe abantu ba Isirayiri abafuula obwenkanya okuba eky'okufumwa
obufumwa
mutulugunya obutuukirivu.

8 Oyo eyakola ettendo eriri mu mmunyeenye ezaaka ng'ebizungirizi
era afuula ekisiikirize okubeera enkya
era akyusa obudde ne buva mu kitangaala ne bufuuka ekiro,
ayita amazzi g'omu nnyanja
ne gafukirira ensi ng'enkuba,

MUKAMA lye linnya lye.
9 Okutemya n'okuzibula aleeta okuzikirira ku b'amaanyi
era n'asaanyaawo ebibuga ebiriko ebigo.

10 Mukyawa abalamuzi abasalawo mu bwenkanya
era munyooma n'abo aboogera amazima.

11 Olinnyirira omwavu,
n'omuwaliriza okukuwa emmere ey'empeke.
Newaakubadde nga mwezimbidde amayumba ag'amayinja,
temuligabeeramu;
era newaakubadde nga mwesimbidde ennimiro z'emizabbibu ennungi,
temulinywa ku wayini waamu.
12 Ebibi byammwe mbimanyi,
nga bingi ate nga bisasamaza.

Munyigiriza omutuukirivu ne mulya n'enguzi,
abaavu temubasalira musango mu bwenkanya.
13 Noolwekyo oyo alina amagezi kyaliva asirika obusirisi mu biseera ng'ebyo
kubanga ennaku mbi.

14 Munoonyenga okukola obulungi, so si obubi
munaabeeranga balamu!
Bw'atyo MUKAMA Katonda ow'Eggye anaabeeranga mubeezi wammwe
nga bulijjo bwe mumuyita.
15 Mukyawe ekibi, mwagalenga ekirungi
era embuga z'amateeka zibeerengamu obwenkanya.
Oboolyawo MUKAMA Katonda ow'Eggye anaabakwatirwa ekisa
abantu abo abaasigalawo ku Yusufu.
16 Noolwekyo bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'Eggye nti,
"Walibeerawo okwaziirana mu nguudo
n'okukaaba mu buli kibangirizi eky'omu kibuga.
N'abalimi baliyitibwa, bakaabe,
n'abakungubazi bakube ebiwoobe.
17 Walibaawo okukaaba mu buli nnimiro ya mizabbibu
kubanga nzija okuyita wakati mu mmwe."

18 Zibasanze mmwe abasuubira
olunaku lwa MUKAMA.
Lwaki mwesunga olunaku lwa MUKAMA?
Olunaku olwo luliba kizikiza so si kitangaala.
19 Olunaku olwo lulibeera ng'omusajja adduka empologoma
n'asisinkana eddubu,
bw'aba ng'ayingira mu nnyumba
ne yeekwata ku kisenge,
ate n'abojjebwa omusota.
20 Olunaku lwa MUKAMA, teruliba kizikiza awatali kitangaala n'akatono,
ng'ekizikiza ekikutte ennyo?

21 Nkyawa, era nnyooma embaga zammwe n'emikolo gyammwe egy'eddiini

so sisanyukira kukuŋŋaana kwammwe.
22 Weewaawo, ne bwe munaawaayo gye ndi ebiweebwayo byammwe ebyokebwa n'ebiweebwayo eby'emmere ey'empeke,
sijja kubikkiriza.
Ne bwe mulireeta ebiweebwayo olw'emirembe ebisinga obulungi,
siribikkiriza.
23 Muggyeewo ennyimba zammwe ez'okutendereza.
Siriwuliriza na bivuga ng'entongooli zammwe.
24 Kye njagala okulaba ge mazima n'obwenkanya nga bikulukuta ng'amazzi,
n'obutuukirivu nga bukulukuta ng'omugga ogw'amaanyi.

25 "Mwandeeteranga ssaddaaka n'ebiweebwayo mu ddungu
emyaka gyonna amakumi ana, ggw'ennyumba ya Isirayiri?
26 Muyimusizza essabo lya kabaka wammwe,
amaanyi ga bakatonda bammwe,
n'emmunyeenye ya katonda wammwe,
bye mwekolera mmwe.
27 Kyendiva mbawaŋŋangusa okusukka Ddamasiko,"
bw'ayogera MUKAMA, ayitibwa Katonda Ayinzabyonna.

# 6

### *MUKAMA Anenya Abali mu Mirembe*

1 Zibasanze abo abateefiirayo mu Sayuuni,
n'abo abawulira emirembe ku lusozi lw'e Samaliya.
Mmwe abasajja abeekitiibwa ab'ensi enkulembeze,
abantu ba Isirayiri gye beeyuna.
2 Mugende mulabe e Kalune;
muveeyo mulage mu Kamasi ekikulu,
ate era muserengete mu kibuga ky'Abafirisuuti eky'e Gaasi.
Basinga obwakabaka bwammwe obubiri?
Ensi yaabwe esinga eyammwe obunene?
3 Mulindiriza olunaku olw'ekibi,
ate ne musembeza effugabbi.
4 Mugalamira ku bitanda ebyakolebwa mu masanga
ne muwummulira mu ntebe ennyonvu
nga muvaabira ennyama y'endiga
n'ey'ennyana ensava.
5 Mwekubira ennanga nga Dawudi bwe yakolanga,
ne muyiiya n'ennyimba ku bivuga.
6 Mwekatankira wayini,
ne mwesiiga n'ebizigo ebirungi,
naye temukaabira kubonaabona kwa Yusufu.
7 Noolwekyo mmwe mulisooka okugenda mu buwaŋŋanguse.
Era embaga zammwe n'okwewummuza birikoma.
8 MUKAMA Katonda ow'Eggye alayidde, MUKAMA Katonda Ayinzabyonna agamba nti,
"Neetamiddwa amalala ga Yakobo,
nkyawa ebigo bye,
era nzija kuwaayo ekibuga
ne byonna ebikirimu eri abalabe baakyo."

9 Era singa ennyumba eneeba ekyalinawo abasajja ekkumi abasigad-
dewo, nabo balifa.
10 Era singa ow'ekika akola ku by'okuziika, anaaba afulumya amagumba
n'abuuza oba waliwo omuntu yenna eyeekwese munda mu nnyumba,
oba alina gwe yeekwese naye, n'addamu nti, "Nedda," olwo omuziisi
anaamusirisa ng'agamba nti, "Sirika; tetwogera ku linnya lya MUKAMA."
11 Laba MUKAMA alagidde,
ennyumba ennene erimenyebwamenyebwa,
n'ennyumba entono erimenyebwamenyebwa.

12 Kisoboka embalaasi okuddukira ku mayinja?
Waali wabaddewo abalima ku mayinja n'enkumbi ezisikibwa ente?
Naye obwenkanya mubufudde obutwa
n'ekibala eky'obutuukirivu ne mukifuula ekikaawa.
13 Mwenyumiririza bwereere nti muli b'amaanyi olw'okuba nga
mwawamba ekibuga Lodeba.
Mwogera nti, "Tetwawamba Kanayimu n'amaanyi gaffe?"

14 MUKAMA Katonda ow'Eggye agamba nti,
"Ndibasindikira eggwanga libalumbe, mmwe ennyumba ya Isirayiri;
liribajooga ebbanga lyonna
okuva e Lebo Kamasi okutuuka mu kiwonvu kye Alaba."

# 7

*Okwolesebwa ku by'Omusango*

1 Bino MUKAMA Katonda bye yandaga. Yali ateekateeka ebibinja
by'enzige okusaanyaawo ebirime ebyalimwanga, nga baakakungula
olukungula olusooka ssinziggu, kabaka kw'afuna omusolo.
2 Enzige bwe zaalya buli kantu akaali mu nnimiro akalamu, ne nkaaba
nti, "MUKAMA Katonda, sonyiwa abantu bo nkwegayiridde. Yakobo
aliwona atya? Nga mutono nnyo."
3 MUKAMA bwe yawulira okukaaba kuno n'akyusa ekirowoozo kye.
N'agamba nti, "Ekyo tekiribaawo."
4 Bino MUKAMA bye yayongera okundaga. Yali ategeka okubonereza
abantu n'omuliro. Gwalya ennyanja eyali wansi w'ensi ne gumalawo
n'olukalu.
5 Ne nkaaba nti, "Ayi MUKAMA Katonda nkwegayiridde osonyiwe abantu
bo! Yakobo anaasobola atya okusigalawo? Nga mutono nnyo!"
6 Awo MUKAMA bwe yawulira okukaaba kuno, n'akyusa ekirowoozo kye.
Era n'agamba nti, "Era n'ekyo tekijja kubeerawo."
7 Ate Mukama n'andaga okwolesebwa okulala. Ne ndaba Mukama
ng'ayimiridde ku bbugwe azimbiddwa obulungi nga yatereera era nga
Mukama akutte bbirigi mu mukono gwe.
8 MUKAMA n'ambuuza nti, "Amosi, kiki ky'olaba?"
Ne nziramu nti, "Ndaba bbirigi."
Mukama n'alyoka aŋŋamba nti, "Laba nteese bbirigi wakati mu bantu
bange Isirayiri. Sijja kuddayo kukyusa kirowoozo kyange nate ku
ky'okubabonereza.
9 "Ebifo ebigulumivu ebya Isaaka birizikirizibwa,
n'ebifo bya Isirayiri ebitukuvu birifuuka matongo.
N'ennyumba ya Yerobowaamu ndigirwanyisa n'ekitala."

### *Amosi ne Amaziya*

10 Awo Amaziya kabona w'e Beseri n'aweereza kabaka wa Isirayiri,
Yerobowaamu, obubaka ng'agamba nti, "Amosi agezaako okukulyamu
olukwe wakati mu Isirayiri mwennyini. Ensi teyinza kugumira bigambo
bye."
11 Bw'ati Amosi bw'ayogera nti,
" 'Yerobowaamu alifa kitala,
ne Isirayiri balitwalibwa mu buwaŋŋanguse
bave mu nsi yaboobwe.' "
12 Awo Amaziya n'alyoka alagira Amosi nti, "Vva wano ggwe omulabi*.
Ddayo mu nsi ya Yuda gy'oba oweera obunnabbi, ofunire eyo omusaala
gwo.
13 Toweera wano bunnabbi nate e Beseri kubanga luno lubiri lwa kabaka
era ssinzizo lya bwakabaka."
14 Amosi n'amuddamu nti, "Saali nnabbi oba omwana wa nnabbi nnali
mulunzi wa ndiga era nga ndabirira miti emisukamooli.
15 Naye MUKAMA yanziggya eyo mu kulunda ekisibo n'aŋŋamba nti,
'Genda owe obunnabbi abantu bange, Isirayiri.' "
16 Noolwekyo ggwe wuliriza ekigambo kya MUKAMA. Ogamba nti,
" 'Towa bunnabbi bunenya Isirayiri,
era lekaraawo okubuulira ebikwata ku nnyumba ya Isaaka.'
17 "MUKAMA kyava akuddamu nti,
" 'Mukazi wo alifuuka malaaya mu kibuga
era n'abaana bo aboobulenzi n'aboobuwala balifa ekitala.
Ettaka lyo lirigabanyizibwamu ne liweebwa abalala
naawe kennyini olifiira mu nsi ey'abakafiiri.
Ekituufu kiri nti abantu ba Isirayiri balitwalibwa mu buwaŋŋanguse,
ne baggyibwa mu nsi yaboobwe.' "

# 8

### *Ekisero ky'Ebibala*

1 Bino MUKAMA Katonda bye yandaga. Ne ndaba ekisero ekirimu ebibala
ebyengedde.
2 MUKAMA n'ambuuza nti, "Amosi, kiki ky'olaba?"
Ne muddamu nti, "Ndaba ekisero ky'ebibala ebyengedde."
MUKAMA n'alyoka aŋŋamba nti, "Ekiseera eky'okubonereza abaana ba
Isirayiri kituuse. Siribasonyiwa nate.
3 "Ku lunaku olwo," bw'ayogera MUKAMA Katonda, "okuyimba kw'omu
yeekaalu kulifuuka kukungubaga. Walibeerawo okufa okuyitirivu, emi-
rambo nga gibunye wonna. Walibaawo akasiriikiriro."
4 Muwulire bino mmwe abalinnyirira abateesobola,
era abasaanyaawo abanaku b'omu nsi,
5 nga mwogera nti,
"Ennaku enkulu ez'Omwezi ogwa kaboneka ziggwaako ddi,
tulyoke tutunde emmere yaffe ey'empeke,
era ne Ssabbiiti eggwaako ddi,
tutunde eŋŋaano yaffe?"
Mukozesa minzaani enkyamu
ne mwongera emiwendo
ne mukozesa n'ebipimo ebitatuuse,

---
* **7:12** omulabi ye nnabbi

6 mmwe abagula abaavu n'effeeza
n'abanaku ne mubagula n'omugogo gw'engatto,
ne mutundira ebisaaniiko mu ŋŋaano.
7 MUKAMA yeeweredde amalala ga Yakobo ng'agamba nti, "Sigenda
kwerabira bintu bye bakoze.
8 "Ensi terikankana olw'ekyo,
na buli abeeramu n'akungubaga?
Ensi yonna eritumbiira ng'omugga Kiyira
n'ekka ng'amazzi
ag'omugga gw'e Misiri bwe gakola."
9 MUKAMA Katonda agamba nti,
"Ku lunaku olwo, enjuba erigwiira mu ttuntu
era ensi erikwata ekizikiza emisana ttuku.
10 Embaga zammwe ez'eddini ndizifuula mikolo gya kukungubaga
era okuyimba kwammwe kwonna kulifuuka kukaaba.
Mwenna nzija kubatuusa ku kwambala ebibukutu
n'emitwe gyammwe mugimwe.
Olunaku olwo ndilufuula ng'olw'okukungubagira omwana owoobulenzi omu yekka,
era n'enkomerero yaabyo ekaayire ddala.

11 "Ekiseera kijja," bw'ayogera MUKAMA Katonda,
"lwe ndisindika enjala mu nsi yonna,
teriba njala ya mmere oba nnyonta y'amazzi,
naye eriba enjala y'ekigambo kya Katonda.
12 Abantu balibundabunda okuva ku nnyanja emu okudda ku ndala,
bave mu bukiikakkono badde mu bukiikaddyo
nga banoonya ekigambo kya MUKAMA,
naye tebalikifuna.
13 "Mu biro ebyo,
"abawala ababalagavu n'abalenzi ab'amaanyi
balizirika olw'ennyonta.
14 Abo abaalayira eby'ensonyi eby'e Samaliya
oba abaayogera nti, 'Nga katonda wo bw'ali omulamu ggwe Ddaani,'
oba nti, 'Nga katonda w'e Beeruseba bw'ali omulamu,'
baligwa obutayimuka nate."

# 9

### *Okuzikirira kwa Isirayiri*

1 Bwe ntyo nate ne ndaba Mukama ng'ayimiridde ku mabbali g'ekyoto,
n'ayogera nti,
"Mukube emitwe gy'empagi bya yeekaalu n'amaanyi mangi,
emifuubeeto gikankane.
Bisesebbuke bikube emitwe gy'abantu bonna,
n'abo abaliba bawonyeewo ndibattisa ekitala.
Tewaliba n'omu awona.
2 Ne bwe balisima ne baddukira emagombe,
omukono gwange gulibaggyayo.
Ne bwe balirinnya waggulu mu ggulu
ndibawanulayo.
3 Wadde balyekweka ku lusozi Kalumeeri,
ndibanoonyaayo ne mbaggyayo.

Ne bwe balyekweka wansi mu buziba bw’ennyanja
ndiragira ogusota ne gubalumirayo.
4 Ne bwe balitwalibwa abalabe baabwe mu buwaŋŋanguse,
era nayo ndiragira ekitala ne kibattirayo.
Ndibasimba amaaso
ne batuukibwako bibi so si birungi.”

5 Era Mukama, MUKAMA ow’Eggye,
akwata ku nsi n’esaanuuka,
abantu baayo bonna abagibeeramu ne bakungubaga,
ensi yonna n’etumbiira nga Kiyira
ate n’ekka ng’amazzi g’omugga gw’e Misiri;
6 oyo eyazimba olubiri lwe olulungi ennyo mu ggulu,
omusingi gwalwo ne gubeera ku nsi,
ayita amazzi g’ennyanja,
n’agayiwa wansi ku lukalu,
MUKAMA lye linnya lye.

7 MUKAMA ayongera n’agamba nti,
“Mmwe abaana ba Isirayiri temuli ng’Abakuusi gye ndi?
Ssabaggya mu nsi y’e Misiri
nga bwe naggya Abafirisuuti e Katufoli,
n’Abasuuli e Kiri?”

### *Essuubi lya Isirayiri*

8 “Ddala ddala amaaso ga MUKAMA Katonda,
gatunuulidde nkaliriza obwakabaka obwonoonyi.
Ndibuzikiriza ne mbusaasaanya
okuva ku nsi.
Kyokka sirizikiririza ddala
ennyumba ya Yakobo okugimalawo,”
bw’ayogera MUKAMA.
9 “Kubanga ndiwa ekiragiro,
ennyumba ya Isirayiri erinyeenyezebwa
mu mawanga gonna,
ng’emmere ey’empeke bwe kuŋŋutibwa mu kakuŋŋunta
era tewaliba kayinja akaligwa wansi.
10 Aboonoonyi bonna mu bantu bange,
balifa kitala,
abo bonna aboogera nti,
‘Akabi tekalitutuukako.’ ”

### *Isirayiri Edda Obuggya*

11 “Mu biro ebyo ndizzaawo
ennyumba ya Dawudi eyagwa
era ndiddaabiriza ebifo ebyamenyebwamenyebwa,
ne nzizaawo ebyali amatongo,
ne biba nga bwe byabeeranga,
12 balyoke batwale ekitundu kya Edomu ekyasigalawo
n’amawanga gonna ge nayita okuba abantu bange,”
bw’ayogera MUKAMA alikola ebintu ebyo byonna.
13 “Ennaku zijja,” bw’ayogera MUKAMA,
“akungula lw’alisinga asiga,
n’asiga ensigo lw’alisinga atunda emizabbibu.

Wayini omuggya alitonnya okuva mu nsozi,
n'akulukuta okuva mu busozi.
14 Ndikomyawo abantu bange Isirayiri okuva mu buwaŋŋanguse,
ne bazimba nate ebibuga ebyamenyebwa, babibeeremu.
Balisimba ennimiro zaabwe ez'emizabbibu ne banywa wayini avaamu,
era balisimba ennimiro balye ebibala byamu.
15 Ndisimba Isirayiri mu nsi yaabwe,
era tebaliggibwa nate
mu nsi gye nabawa,"
bw'ayogera MUKAMA Katonda wammwe.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Obadiya

1 Kuno kwe kwolesebwa kwa Obadiya.

MUKAMA Ayinzabyonna kwe yamuwa ku bikwata ku nsi ya Edomu.
Tuwulidde obubaka obuva eri Katonda,
Katonda yaweereza omubaka eri amawanga n'obubaka buno nti,
"Mugolokoke tulumbe Edomu tumulwanyise."

2 "Laba, ndibafuula aba wansi ennyo mu mawanga,
era olinyoomererwa ddala.
3 Mwelimbye n'amalala agali mu mitima gyammwe,
mmwe abasula mu mpuku ez'omu njazi,
era ne muzimba amaka gammwe waggulu ku njazi.
Mmwe aboogera nti,
'Ani alituwanulayo n'atussa wansi?'
4 Wadde nga mwewanika waggulu ng'empungu
era ne muzimba ebisu byammwe wakati w'emmunyeenye,
ndibawanulayo ne mbasuula wansi,"
bw'ayogera MUKAMA.
5 "Singa ababbi babajjira,
n'abanyazi ne babalumba ekiro,
akabi nga kaba kabatuuseeko.
Tebandibabbyeko byonna bye baagala?
Oba singa abanozi b'emizabbibu bakujjiridde,
tebandireseeko obuzabbibu butono nnyo?
6 Esawu alinyagulurwa,
eby'obugagga bye ebikusike birinyagibwa.
7 Abaalagaana naawe balikusindiikiriza ku nsalo,
Mikwano gyo balikulimbalimba ne bakuwangula;
abo abalya emmere yo balikutega omutego,
balikutega omutego kyokka toliguvumbula.

8 "Ku lunaku olwo,
sirizikiriza bagezi b'e Edomu,
abantu ab'amagezi ababeera mu nsozi za Esawu?" bw'ayogera MUKAMA.
9 "Abalwanyi bo abazira ggwe, Temani, balitya,
era na buli muntu mu nsozi za Esawu
alittibwa.
10 Olw'ebikolwa eby'obukambwe ebyo bye wakola muganda wo Yakobo,
oliswazibwa.
Olizikirizibwa n'otaddayo kuwulirwa.
11 Ku lunaku lwe wayimirira ku bbali n'otofaayo,
nga banyaga obugagga bwa Isirayiri,
ne bannaggwanga ne bayingira mu miryango gye,
ne bakuba obululu okulaba atwala Yerusaalemi,
wali omu ku bo.

12 Tosaanye kusekerera muganda wo
mu biseera bye eby'okulaba ennaku,
wadde okusanyuka ku lunaku
olw'okuzikirira kw'abantu ba Yuda,
newaakubadde okwewaana ennyo
ku lunaku lwe baatawaanyizibwa ennyo.
13 Temukumba nga muyita mu miryango gy'abantu bange
ku lunaku kwe baalabira obuyinike,
wadde okubasekerera
ku lunaku kwe baabonaabonera,
newaakubadde okutwala obugagga bwabwe
ku lunaku lwe baatuukibwako akabi.
14 Temulindira mu masaŋŋanzira
okutta abo abadduka,
wadde okuwaayo abawonyeewo
mu biro eby'okulabiramu ennaku.

15 "Olunaku luli kumpi kwe ndisalira
amawanga gonna omusango.
Nga bwe mwakola abalala, nammwe bwe mulikolebwa.
Ebikolwa byammwe biribaddira.
16 Ng'abantu bange bwe baanywa ekikompe eky'ekibonerezo ku lusozi lwange olutukuvu
n'amawanga ageetooloddewo bwe galikinywa obutakoma;
balikinywa,
babe ng'abataganywangako.
17 Naye ku Lusozi Sayuuni baliwona,
kubanga lutukuvu,
n'ennyumba ya Yakobo
eritwala omugabo gwabwe.
18 Ennyumba ya Yakobo eriba omuliro,
n'ennyumba ya Yusufu olulimi olw'omuliro.
Ennyumba ya Esawu eriba bisusunku,
era baligyokya n'eggwaawo.
Tewaliba muntu wa nnyumba ya Esawu
n'omu alisigalawo,
kubanga MUKAMA akyogedde.

19 "Abantu b'e Negebu balitwala
olusozi Esawu,
n'abantu ab'omu biwonvu balitwala
ensi y'Abafirisuuti.
Balyetwalira n'ennimiro ez'omu Efulayimu ne Samaliya,
ne Benyamini ne yeetwalira Gireyaadi.
20 Ekibiina ky'Abayisirayiri abaali mu buwaŋŋanguse e Kanani,
balyetwalira ensi, okutuukira ddala ku Zalefaasi;
abawaŋŋanguse abaava mu Yerusaalemi abali mu Sefalaadi,
balyetwalira ebibuga mu Negebu.
21 Abanunuzi balyambuka ku Lusozi Sayuuni,
okufuga ensozi za Esawu.
Obwakabaka buliba bwa MUKAMA."

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Yona

*Yona Ajeemera Katonda*

1 Awo Mukama n'ayogera ne Yona omwana wa Amittayi ng'agamba
2 nti, "Situka ogende e Nineeve mu kibuga ekyo ekinene obatuuseeko
obubaka buno obubanenya, kubanga ebibi byabwe birinnye eno waggulu
ne bintukako."
3 Naye Yona n'adduka okuva mu maaso ga Mukama, n'aserengeta oku-
laga e Talusiisi. N'aserengeta e Yopa gye yasanga ekyombo, n'akirinnya
okugenda e Talusiisi. Ng'amaze okusasulira etikiti ye, n'asaabala mu
kyombo ekiraga e Talusiisi ng'adduka okuva mu maaso ga Mukama.
4 Awo Mukama n'aleeta omuyaga ogw'amaanyi ne gukunta ku nnyanja,
n'ekyombo Yona mwe yali ne kyagala okusaanawo.
5 Entiisa ey'amaanyi n'ekwata abalunnyanja bonna, buli omu
n'akaabirira katonda we amuyambe, nga bwe basuula n'emigugu
egy'ebyamaguzi mu nnyanja bakendeeze ku buzito obwali mu kyombo.
Mu kiseera ekyo, Yona yali mu tulo wansi mu ntobo y'ekyombo.
6 Naye omugoba omukulu ow'ekyombo n'aserengeta gye yali
n'amugamba nti, "Oyinza otya okuba nga weebase? Situka okaabirire
katonda wo, oboolyawo anaatukwatirwa ekisa n'atulokola."
7 Awo abalunnyanja ne boogeraganya nti, "Mujje tukube obululu,
tuvumbule omuntu yennyini avuddeko omutawaana guno." Ne bakuba
obululu, akalulu ne kagwa ku Yona.
8 Abalunnyanja ne babuuza Yona nti, "Tubuulire, lwaki otuleetedde
akabi akafaanana bwe kati, kiki ky'okoze? Okola mulimu ki? Ova wa
era oli wa nsi ki, n'abantu bo be b'ani?"
9 Yona n'agamba nti, "Ndi Mwebbulaniya; era nsinza Mukama, Katonda
w'eggulu eyakola eggulu n'ensi."
10 Awo ne batya nnyo ne babuuza nti, "Kiki kino ky'otukoze?" Kubanga
baali bategedde nti yali adduka mu maaso ga Katonda nga bwe yali amaze
okubategeeza.
11 Awo ne bamugamba nti, "Tukukole tutya ennyanja erongooke?"
Kubanga ennyanja yali yeeyongera bweyongezi okufuukuuka.
12 N'abagamba nti, "Munsitule munsuule mu nnyanja ennyanja eneE-
teeka, kubanga esiikuuse ku lwange."
13 Naye abalunnyanja ne bagezaako nnyo okugoba ku ttale, kyokka ne
batayinza, kubanga omuyaga gwagenda gweyongera bweyongezi.
14 Kyebaava bakaabirira Mukama ng'abagamba nti, "Tukwegayiridde
Ayi Mukama, totuleka kufa olw'obulamu bw'omusajja ono, era to-
tuteekako musango olw'omusaayi gwe n'okufa kwe, kubanga oleese
omuyaga olw'esonga."
15 Awo ne basitula Yona ne bamusuula mu nnyanja eyali eyira.
Amangwago omuyaga ne gusirika.
16 Abasajja ne batya nnyo Mukama, ne bawaayo ekiweebwayo gy'ali ne
beeyama obweyamo.
17 Mukama yateekateeka ekyennyanja ekinene ennyo ne kimira Yona;
Yona n'amala mu kyennyanja ekyo ennaku ssatu emisana n'ekiro.

# 2

*Okusaba kwa Yona*

1 Awo Yona n'asinziira mu kyennyanja n'asaba MUKAMA Katonda we, ng'agamba
2 nti,
"Mu nnaku yange ennyingi
nakaabirira MUKAMA n'anziramu;
mu buziba ewala mu magombe nakukoowoola,
era n'owulira eddoboozi lyange!
3 Kubanga wansuula ewala mu buziba mu nnyanja,
ne nzika, amayengo gonna,
ensozi n'ensozi z'amazzi ebikunta
ne bimbikka
ne binneetooloola.
4 Ne ndyoka njogera nti, 'Ngobeddwa
mu maaso go;
Ddala ndiddayo nate
okulaba yeekaalu yo entukuvu?'
5 Nakkira ddala ku ntobo wansi w'amayengo, okufa ne kumbeerera ddala
kumpi;
Amazzi nga ganneetoolodde
era ng'omuddo gw'omu nnyanja gunneezingiridde ku mutwe.
6 Ne ŋŋendera ddala ku ntobo, ensozi z'omu nnyanja gye zisibuka, eyo,
ensi n'ensibirayo emirembe n'emirembe.
Naye ggwe MUKAMA Katonda wange, onzigye mu bunnya,
Ayi MUKAMA Katonda wange.

7 "Bwe nnali nga mpweddemu essuubi, emmeeme yange ng'ezirika
ne nkujjukira, Ayi MUKAMA Katonda.
Awo okusaba kwange entakeera ne kutuuka
mu yeekaalu yo entukuvu.

8 "Abo abassaayo omwoyo ku balubaale ne bakatonda abataliimu ne
babasinza,
beefiiriza okusaasirwa kwa Katonda okubalindiridde!
9 Naye nze, n'oluyimba olw'okukutendereza,
ndikuwa ssaddaaka.
Ddala ndituukiriza obweyamo bwange
kubanga obulokozi buva eri MUKAMA Katonda."
10 Awo MUKAMA Katonda n'alagira ekyennyanja ne kiwandula Yona
n'agwa ettale ku lukalu.

# 3

*Yona Agondera MUKAMA*

1 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Yona omulundi ogwokubiri,
n'amugamba nti,
2 "Genda mu kibuga ekinene Nineeve obalabule n'obubaka buno bwe
nkuwa."
3 Awo Yona n'agondera MUKAMA n'agenda e Nineeve. Nineeve kyali
kibuga kya kitiibwa nnyo era nga kitwala ennaku ssatu okukibuna kyonna.
4 Ku lunaku olwasooka Yona yatambula olunaku lwonna ng'agenda alan-
girira nti, "Bwe waliyitawo ennaku amakumi ana, Nineeve kirizikirira."

5 Abantu b'omu Nineeve ne bakkiriza Katonda, ne balangirira okusiiba
ne beesiba ebibukutu, bonna okuva ku asinga ekitiibwa okutuuka ku
asembayo okuba owa wansi.

6 Amawulire gano bwe gaatuuka ku kabaka w'e Nineeve, n'ayimuka ku
ntebe ye ey'obwakabaka, ne yeeyambulamu ekyambalo kye, ne yeesiba
ekibukutu, n'atuula mu nfuufu.
7 Kabaka teyakoma awo, wabula n'ayisa n'etteeka n'alibunya Nineeve
yonna nga ligamba nti,

Olw'ekiragiro kya kabaka n'abakungu be:

"Tewaba muntu yenna, wadde ensolo oba eggana n'ekisibo,
okukomba ku mmere wadde amazzi;
8 naye buli muntu n'ekisibo bibikkibwe n'ebibukutu, era bikaabirire
nnyo Katonda, era birekeraawo okwonoona n'okukola eby'obukambwe.
9 Ani amanyi? Oboolyawo Katonda anaakyusa ku kibonerezo kye, kye
yatusalira n'akkakkanya obusungu bwe n'atatuzikiriza."

10 Awo Katonda bwe yalaba kye bakoze, ne baleka n'ebibi byabwe,
n'abasonyiwa n'atabatuusaako kibonerezo, kye yali agambye okubatu-
usaako.

# 4

*Obusungu bwa Yona n'Ekisa Kya Katonda*

1 Naye Yona n'anyiiga nnyo.
2 N'alyoka yeemulugunyiza Katonda n'amugamba nti, "Kino ddala kye
nalowooza, MUKAMA, bwe nnali mu nsi ye waffe, lwe wasooka okuŋŋamba
okujja eno. Kye kyanzirusa n'okunzirusa okugenda e Talusiisi; kubanga
namanya nti ggwe oli Katonda ajjudde obulungi, alwawo okusunguwala,
alina ekisa ekingi, era namanya nti ojja kwanguwa okukyusa entegeka zo
ez'okuzikiriza abantu bano.
3 Kale nno nkwegayiridde MUKAMA nzita; okufa kisinga okuba omu-
lamu."
4 Awo MUKAMA n'agamba nti, "Olina ekituufu kw'osinziira okunyiiga?"
5 Awo Yona n'afuluma ebweru w'ekibuga n'abeera ku luuyi lwakyo
olw'ebuvanjuba, era ne yeekolerawo akasiisira mu makoola, n'alinda
alabe ekinatuuka ku kibuga.
6 Ebikoola by'akasiisira bwe by'awotoka olw'omusana, MUKAMA Ka-
tonda n'ategeka ekiryo ne kimera mangu amakoola gaakyo ne gabikka
ku mutwe gwa Yona ne gakendeeza ku musana. Yona n'asanyuka nnyo
olw'ekiryo.
7 Naye ate enkeera Katonda n'aleeta ekiwuka, ne kirya ekiryo ne kikala
ne kifa.
8 Ng'enjuba yeewanise, Katonda n'alyoka alagira embuyaga
ey'Ebuvanjuba ey'olubugumu okufuuwa Yona, omusana ne gumwokya
nnyo mu mutwe okutuusa lwe yazirika. N'ayagala afe. N'ayogera nti,
"Okufa kusinga okuba omulamu."
9 MUKAMA n'alyoka amubuuza nti, "Olina ekituufu kw'osinziira okunyi-
iga olw'ekiryo ekikaze ne kifa?"

Yona n'addamu nti, "Yee, kituufu nze okunyiiga ennyo n'okwegomba
okufa."
10 MUKAMA n'amugamba nti, "Osaalirwa olw'ekibikka kyo ekyonoonese
songa si ggwe wakimeza, ate nga kyo kyali kya kiseera buseera.

11 Kale lwaki nange sandisaasidde Nineeve, ekibuga ekyo ekinene n’abantu baamu emitwalo ekkumi n’ebiri n’okusingawo, n’ente zaakyo ennyingi bwe zityo, abantu abatasobola kwawula kirungi na kibi?”

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Mikka

1 Mu mirembe Yuda gye yagenda efugibwa bakabaka bano: Yosamu, ne
Akazi, ne Keezeekiya, Mikka eyali Omumolasuuti, yafuna obubaka obuva
eri MUKAMA, obukwata ku kibuga Samaliya ne Yerusaalemi.
2 Muwulire mmwe abantu mwenna,
muwulire mmwe ebintu byonna ebiri mu nsi, ne bonna abagirimu,
MUKAMA Ayinzabyonna asinziira mu yeekaalu ye entukuvu,
ng'alina by'abalumiriza.
3 Mulabe, MUKAMA ajja ng'ava mu ggulu ku ntebe ye
ng'akka ku nsi ng'atambulira ku nsozi waggulu.
4 N'ensozi zirisaanuukira wansi w'ebigere bye
era n'ebiwonvu ne byatika ne bisaanuuka
ng'ebisenge by'emizindu by'enjuki ebyokeddwa omuliro,
ng'amazzi g'ekiyiriro bwe gakulukuta ku lusozi nga gayirira ku bbangabanga.
5 Bino byonna biribeerawo olw'okwonoona kwa Yakobo,
olw'ebibi by'ennyumba ya Isirayiri.
Ekibi kya Yakobo kye kiruwa?
Si ye Samaliya?
Kifo ki ekigulumivu ekya Yuda?
Si Yerusaalemi?

6 "Noolwekyo nzija kubetenta Samaliya ngifuule ebifunfugu,
kifuuke nga ennimiro ey'okusimbamu emizabbibu.
Ndiyiwa amayinja gaakyo mu kiwonvu
N'emisingi gyakyo ne ngireka nga gyasamye.
7 Bakatonda baakyo bonna be basinza, balisekulwasekulwa;
ebintu byonna ebyaweebwayo ng'ebirabo mu yeekaalu biriggya omuliro;
ndizikiriza bakatonda baakyo bonna be beekolera.
Ng'ebirabo ebyo bwe byafunibwa mu bwenzi,
bwe bityo bwe biritwalibwa mu bwenzi ne bikozesebwa."

### *Okukaaba n'Okukungubaga*

8 Kyendiva nkaaba ne nkuba ebiwoobe,
ne ntambula nga sambadde ngatto, era nga ndi bukunya.
Ndikaaba ng'ekibe,
ne nkuba ebiwoobe ng'abaana b'ekiwuugulu.
9 Ekiwundu kye tekiwonyezeka,
ne Yuda ky'alwadde.
Kituukidde ddala ku mulyango gw'abantu bange,
ne ku Yerusaalemi yennyini.

### *Omulabe Asemberera Yerusaalemi*

10 Temukibuulira mu Gaasi,
temukaaba maziga n'akatono.
Mwevulungulire mu nfuufu
mu Besuleyafula.
11 Muyiteewo nga muli bwereere nga muswadde,

mmwe ababeera mu Safiri.
Ababeera mu Zanani
tebalifuluma.
Beswezeeri ekuba ebiwoobe,
kubanga tokyalinayo buddukiro.
12 Abo ab'omu Malosi bali mu kulumwa okw'amaanyi
nga balindirira okubeerwa,
kubanga ekibonoobono kivudde eri MUKAMA,
ne kituuka ne ku mulyango gwa Yerusaalemi.
13 Mwanguwe okusiba amagaali ku mbalaasi
mmwe ababeera mu Lakisi.
Mmwe nsibuko y'ekibi
mu Bawala ba Sayuuni,
kubanga ebibi bya Isirayiri byasangibwa mu mmwe.
14 Noolwekyo muligabira Molesesu eky'e Gaasi
ebirabo ebimusiibula.
Ebibuga by'e Akuzibu birikakasibwa nga bya bulimba
eri bakabaka ba Isirayiri.
15 Mmwe abantu b'omu Malesa,
ndibasindikira alibawangula n'abafuga.
Oyo ekitiibwa kya Isirayiri
alijja mu Adulamu.
16 Mukungubage, n'emitwe mugimwe
olw'abaana bammwe be mwesiimisa;
mumwe enviiri zammwe nga mukungubaga, emitwe gyammwe gibe ng'egy'ensega,
kubanga abaana bammwe balibaggyibwako ne batwalibwa mu buwaŋŋanguse.

# 2

1 Zibasanze mmwe abateesa okukola ebitali bya butuukirivu
era abateesa okukola ebibi nga bali ku buliri bwabwe;
Obudde bwe bukya ne batuukiriza entegeka zaabwe,
kubanga kiri mu nteekateeka yaabwe.
2 Beegomba ebyalo ne babitwala,
ne beegomba ennyumba nazo ne bazitwala.
Banyigiriza omuntu ne batwala amaka ge olw'amaanyi,
ne bamubbako ebyobusika bwe.
3 MUKAMA kyava agamba nti,
"Laba, ndireeta akabi ku bantu abo,
ke mutagenda kweggyamu.
Temuliddayo kubeera n'amalala nate
kubanga kiriba kiseera kya mitawaana.
4 Olwo abantu balikusekerera;
Balikuyeeyereza nga bayimba oluyimba luno olw'okukungubaga nti:
'Tugwereddewo ddala;
ebintu by'abantu bange bigabanyizibbwamu.
MUKAMA anziggirako ddala ettaka lyange,
n'aliwa abo abatulyamu enkwe.' "

5 Noolwekyo tewalisigalawo muntu n'omu mu kuŋŋaaniro lya MUKAMA,
aligabanyaamu ettaka ku bululu.
6 Bannabbi baabwe boogera nti, "Temuwa bunnabbi,

Temuwa bunnabbi ku bintu ebyo;
tewali kabi kagenda kututuukako."
7 Ekyo kye ky'okuddamu ggwe ennyumba ya Yakobo?
Olowooza Omwoyo wa MUKAMA asunguwalira bwereere, si lwa bulungi bwo?
Ebigambo bye tebiba birungi eri abo abakola obulungi?
8 Ennaku zino abantu bange bannyimukiddeko
ng'omulabe.
Basika ne bambula eminagiro emirungi
ne baggigya ku migongo gy'abayise ababa beetambulira mu mirembe,
ng'abasajja abakomawo okuva mu lutabaalo.
9 Bakazi b'abantu bange mubagoba
mu mayumba gaabwe amalungi,
abaana baabwe ne mubaggyirako ddala buli mukisa
oguva eri Katonda.
10 Muyimuke mugende,
kubanga kino tekikyali kiwummulo kyammwe;
olw'ebikolwa ebibi bye mukijjuzza,
kyonoonese obutaddayo kuddaabirizika.
11 Omuntu bw'ajja n'omwoyo ogw'obulimba, n'agamba nti,
"Ka mbabuulire ku ssanyu ly'omwenge gwe baagala era gwe banoonya,"
oyo y'aba nnabbi w'abantu abo.

12 "Ddala ddala ndibakuŋŋaanya mwenna, ggwe Yakobo;
ndikuŋŋaanya abo abaasigalawo ku Isirayiri.
Ndibakuŋŋaanya ng'akuŋŋaanya endiga ez'omu ddundiro,
ng'ekisibo mu ddundiro lyakyo,
ekifo kirijjula abantu.
13 Oyo aggulawo ekkubo alibakulembera okubaggya mu buwaŋŋanguse,
abayise mu mulyango abafulumye.
Era kabaka waabwe alibakulembera,
MUKAMA alibakulembera."

# 3

*Ekibi kya Isirayiri*

1 Ne ndyoka ŋŋamba nti,
"Muwulire mmwe abakulembeze ba Yakobo,
mmwe abafuzi b'ennyumba ya Isirayiri.
Si mmwe mwandisaanidde okumanya obwenkanya,
2 mmwe abakyawa ekirungi ne mwagala ekibi;
mmwe ababaagako abantu bange eddiba
ne mubaggyako ennyama ku magumba?
3 Mulya ennyama yaabwe,
ne mubabaagako eddiba,
amagumba gaabwe ne mugamenyaamenya,
era ne mubasalaasala ng'ennyama
eneefumbibwa mu nsaka."

4 Balikoowoola MUKAMA,
naye talibaanukula.
Mu biro ebyo alibakweka amaaso ge

olw'ebibi bye bakoze.
5 Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti,
"Bannabbi ababuzaabuza abantu
balangirira nti, 'Mirembe,' eri oyo abaliisa,
naye oyo atabaliisa bamuggulako olutalo.
6 Noolwekyo ekiro kiribajjira, awatali kwolesebwa,
n'enzikiza ebajjire awatali kulagulwa.
Enjuba erigwa nga bannabbi balaba,
n'obudde bubazibirire.
7 Abalabi baliswazibwa
n'abalaguzi bakwatibwe ensonyi.
Bonna balibikka amaaso gaabwe
kubanga Katonda tabaanukula."

8 Naye nze, nzijjudde amaanyi
n'Omwoyo wa MUKAMA,
okwekaliriza ensonga n'obuvumu,
njasanguze eri Yakobo olw'ebikolwa bye ebibi by'akola,
olw'ekibi kya Isirayiri.

9 Mumpulirize mmwe abakulembeze b'ennyumba ya Yakobo,
Mmwe abafuzi b'ennyumba ya Isirayiri,
Mmwe abanyooma obwenkanya
Ne mukyusa ekituufu ne mukifuula ekikyamu;
10 mmwe abazimbidde Sayuuni ku musaayi,
Ne Yerusaalemi ne mugizimbira ku butali butuukirivu.
11 Abakulembeze be, balya enguzi ne basala omusango nga beekubiira,
bakabona be, baggya ensimbi ku bantu balyoke bayigirize,
ne bannabbi be, baagala okuwa obunnabbi nga bamaze kusasulwa.
Kyokka bajuliza MUKAMA nga boogera nti,
"MUKAMA tali naffe?
Tewali kinaatutuukako."
12 Noolwekyo ku lwammwe,
Sayuuni eririmibwa ng'ennimiro,
ne Yerusaalemi erifuuka ntuumu ya bifunfugu,
n'akasozi okuli yeekaalu kafuuke ng'akabira akakutte.

# 4

### *Obufuzi bwa MUKAMA eri Amawanga Gonna*

1 Mu nnaku ez'oluvannyuma
olusozi lw'ennyumba ya MUKAMA luligulumizibwa
okusinga ensozi zonna;
lulisitulibwa waggulu okusukkuluma ku busozi,
era abantu balisimba ennyiriri nga balaga gye luli.
2 Amawanga mangi galiragayo ne googera nti,
"Mujje twambuke ku lusozi lwa MUKAMA,
mu nnyumba ya Katonda wa Yakobo.
Alituyigiriza by'ayagala
tulyoke tutambulire mu makubo ge."
Alisinziira mu Sayuuni okuwa abantu etteeka lye,
n'ekigambo kya MUKAMA kiriva mu Yerusaalemi.
3 Aliramula amawanga

atereeze ensonga wakati w'amawanga gakirimaanyi ag'ewala.
Baliddira ebitala byabwe ne babiweesaamu enkumbi,
n'amafumu gaabwe ne bagaweesaamu ebiwabyo.
Eggwanga teririyimusa kitala ku ggwanga linnaalyo,
so tebalyetegeka kulwana ntalo nate.
4 Buli muntu aliba mu ddembe wansi w'omuzabbibu gwe
ne mu mutiini gwe.
Tewalibaawo abatiisa
kubanga akamwa ka MUKAMA Ayinzabyonna ke kakyogedde.
5 Newaakubadde nga amawanga gonna
galigoberera bakatonda baago,
naye ffe tunaatambuliranga mu linnya lya MUKAMA
Katonda waffe emirembe n'emirembe.

### *Isirayiri Ewona Obusibe*

6 "Ku lunaku olwo," bw'ayogera MUKAMA,
"Ndikuŋŋaanya abalema,
n'abo abaawaŋŋangusibwa
n'abo abali mu nnaku.
7 Abalema ndibafuula abalonde,
n'abo be nagoba, mbafuule eggwanga ery'amaanyi.
MUKAMA alibafugira mu Lusozi Sayuuni
okuva ku lunaku olwo okutuusa emirembe gyonna.
8 Ggwe omunaala oguyimirirwamu okulabirira endiga,
ggwe ekigo eky'amaanyi ekya Muwala wa Sayuuni,
ekitiibwa kyo eky'edda kirikuddira,
n'obwakabaka ne bukomawo eri Muwala wa Sayuuni."

9 Naye kaakano kiki ekibakaabya ennyo bwe mutyo?
Temulina kabaka abakulembera?
Omuwi w'amagezi wammwe yafa,
ennaku eryoke ebakwate ng'omukazi alumwa okuzaala?
10 Lumwa, weenyoole ggwe Omuwala wa Sayuuni
ng'omukazi alumwa okuzaala.
Kubanga kaakano oteekwa okuva mu kibuga
ogende obeere ku ttale.
Mulitwalibwa mu buwaŋŋanguse mu Babulooni,
era eyo gye ndibalokolera.
Ndibanunulira eyo
okuva mu mukono gw'omulabe.

11 Kyokka kaakano amawanga mangi
gakuŋŋaanye okubalwanyisa.
Boogera nti, Ayonoonebwe,
n'amaaso gaffe geelolere Sayuuni.
12 Naye tebamanyi
birowoozo bya MUKAMA;
tebategeera kuteesa kwe;
oyo akuŋŋaanya abalabe be ng'ebinywa by'eŋŋaano bwe bikuŋŋaanyizibwa mu gguuliro.

13 "Golokoka otandike okusa ggwe Omuwala wa Sayuuni,
kubanga ejjembe lyo ndirifuula ekyuma;

ndikuwa ebigere eby’ekyuma eky’ekikomo
era olibetenta amawanga mangi.”

Amagoba gaabwe n’ebintu byabwe bye bafunye mu makubo amakyamu olibiwaayo eri MUKAMA,
n’obugagga bwabwe n’obuwaayo eri Mukama w’ensi zonna.

# 5

*Omufuzi Ava mu Besirekemu*

1 Kuŋŋaanya amaggye go, ggwe ekibuga ekirina amaggye,
kubanga tulumbiddwa.
Omukulembeze wa Isirayiri
balimukuba omuggo ku luba.

2 “Naye ggwe Besirekemu Efulasa,
newaakubadde ng’oli mutono mu bika bya Yuda,
mu ggwe mwe muliva alibeera
omufuzi wange mu Isirayiri.
Oyo yaliwo okuva edda n’edda,
ng’ensi tennabaawo.”

3 MUKAMA kyaliva awaayo Isirayiri eri abalabe baayo
okutuusa omukyala alumwa okuzaala lwalizaala omwana,
era baganda be abaasigalawo ne balyoka bakomawo
eri bannaabwe mu Isirayiri.

4 Aliyimirira n’anyweera n’aliisa ekisibo kye
mu maanyi ga MUKAMA,
mu kitiibwa ky’erinnya lya MUKAMA Katonda we.
Era abantu be tebalibaako abateganya, kubanga aliba mukulu
okutuusa ku nkomerero y’ensi.
5 Omukulu oyo aliba mirembe gyabwe.
Omwasuli bw’alirumba ensi yaffe
n’abuna ebigo byaffe,
tulimuyimbulira abasumba musanvu,
n’abakulembeze munaana.
6 Abo be balifuga ensi ya Asuli n’ekitala
era ensi ya Nimuloodi nayo bagyonoone.
Naye alitulokola eri Omwasuli
bw’alitulumba mu nsi yaffe
era bw’aliyingira mu nsalo zaffe.

7 Abantu ba Isirayiri abalisigalawo balibeera
wakati mu mawanga agabeetoolodde,
babe ng’omusulo oguva eri MUKAMA,
ng’obukubakuba obutonnyeredde ku muddo
obutalindirira muntu
oba abaana b’abantu.
8 Ng’empologoma bw’ebeera n’ensolo endala ez’omu nsiko,
abantu abaasigalawo aba Yakobo balibeera mu mawanga mangi agabeetoolodde;
ate era ng’empologoma ento mu bisibo by’endiga,

bw’egenda n’eyitamu n’etaagulataagula
ne wataba n’omu aziwonya.
9 Omukono gwo guliwangula abalabe bo,
ne bonna abakuyigganya balizikirizibwa.
10 “Ku lunaku olwo,” bw’ayogera MUKAMA,
“Ndizikiriza embalaasi zo
ne nsanyaawo n’amagaali go.
11 Ndizikiriza ebibuga eby’omu nsi yo
era mmenyemenye n’ebigo byo byonna.
12 Obulogo bwo ndibumalawo
era toliddayo kukolima nate.
13 N’ebibumbe bye musinza ndibizikiriza.
Ne nziggyawo n’amayinja ge mwawonga;
temuliddayo nate kuvuunamira bakatonda
be mwekoledde n’emikono gyammwe.
14 Era ndisigula Baasera okuva mu mmwe,
ebibuga byammwe n’embizikiriza.
15 Era ndyesasuza ku mawanga agataŋŋondedde
n’obusungu n’ekiruyi.”

# 6

1 Muwulire MUKAMA by’ayogera ng’agamba nti,
“Muyimuke leero tuwoze ensonga zammwe mu maaso g’ensozi,
n’obusozi buwulire bye mugamba.

2 “Kaakano mmwe ensozi muwulire MUKAMA ky’abavunaana;
nammwe emisingi gy’ensi egy’olubeerera muwulire.
MUKAMA alina ensonga ku bantu be
era agenda kuwawabira Isirayiri.

3 “Mmwe abantu bange kiki kye nnali mbakoze?
Nnali mbazitooweredde? Munziremu.
4 Nabaggya mu nsi ye Misiri
ne mbanunula mu nsi ey’obuddu,
ne mbawa Musa,
ne Alooni ne Miryamu okubakulembera.
5 Mmwe abantu bange mujjukire
ekigendererwa kya Balaki kabaka wa Mowaabu
n’ebigambo, Balamu omwana wa Byoli bye yayogera.
Mujjukire bye nabakolera okuva e Sittimu okutuuka e Girugaali
mulyoke mumanye ebikolwa bya MUKAMA eby’obutuukirivu.”

6 Mwebuuza nti kiki kye nnaaleeta mu maaso ga MUKAMA
nvuuname mu maaso ga Katonda agulumizibwa?
Mmusemberere n’ebiweebwayo ebyokebwa,
n’ennyana ezaakamala omwaka ogumu?
7 MUKAMA alisiima endiga eza sseddume olukumi,
oba emitwalo gy’emigga gy’amafuta?
Mpeeyo omwana wange omubereberye olw’ebibi byange,
nga mpaayo ekibala ky’omubiri gwange olw’ekibi eky’emmeeme yange?
8 MUKAMA akulaze, ggwe omuntu, ekirungi ky’oteekwa okukola.

Kaakano, MUKAMA kiki ky'akwetaaza,
okuggyako okukola eby'ensonga, okuba n'ekisa
era n'okutambulira mu buwombeefu ne Katonda wo.

9 Wuliriza, MUKAMA akoowoola ekibuga mu ddoboozi ery'omwanguka.
"Kya magezi ddala okutya erinnya lye,
n'okussaayo omwoyo eri okukangavvula n'eri oyo akangavvula.
10 Nnyinza okwerabira eby'obugagga bye mwefunira,
mmwe ennyumba erina obutali butuukirivu,
erina n'ekigera ekitatuuka eky'omuzizo?
11 Nnyinza okusonyiwa omuntu alina ebigera ebitatuuse,
alina ensawo ez'ebipimo eby'obulimba?
12 Abagagga baakyo bakambwe
n'abatuuze baamu balimba
n'ennimi zaabwe tezoogera mazima.
13 Nange kyenvudde ntandika okukuzikiriza,
nkumalewo olw'ebibi byo.
14 Onoolyanga, naye n'otokutta,
era olubuto lwo lulisigala lutokota nga lukubanja.
Oligezaako okukuŋŋaanya, weeterekere, naye tolibaako na kimu ky'otereka
kubanga byonna ndibiwaayo eri ekitala.
15 Olisiga naye tolikungula,
oligezaako okusogola emizeeyituuni weggyiremu amafuta naye tolifuna mafuta gamala kusaabako,
olisogola emizabbibu naye toliggyamu kyakunywa.
16 Olw'okuba ng'okolera ku biragiro bya Omuli
n'ogoberera n'ebikolwa byonna eby'ennyumba ya Akabu
n'ogoberera n'emizizo gyabwe,
kyendiva nkufuula ekifulukwa,
n'abantu bo bonna babeere eky'okuduulirwa
era olibaako ekivume ky'amawanga."

# 7

1 Ddala zinsanze nze.
Ndi ng'omuntu akungula ebibala
okuva mu bifo eby'enjawulo eby'ennimiro y'emizabbibu;
tewali kirimba kya mizabbibu kulyako,
wadde emizeeyituuni egisooka okwengera gye njagala ennyo.
2 Abantu abatya Katonda, baweddewo mu nsi;
tewali n'omu mulongoofu asigaddewo.
Bonna banoonya okuyiwa omusaayi,
buli omu anoonya okutega muganda we ekitimba.
3 Emikono gyabwe gyombi mikugu mu kukola ebibi;
omufuzi asaba ebirabo,
n'omulamuzi alya enguzi,
n'ab'amaanyi mu nsi, beekolera kye baagala
nga basala enkwe.
4 Mu abo bonna asingamu obulungi, afaanana ng'omweramannyo;
asingamu ku mazima y'asinga olukomera lw'amaggwa obubi.
Naye olunaku lw'abakuumi bammwe lutuuse,
era kino kye kiseera eky'okutabukatabuka.

5 Tewesiga muntu n'omu,
wadde mukwano gwo,
newaakubadde mukazi wo,
Weegendereze by'oyogera.
6 Kubanga omulenzi agaya kitaawe,
n'omwana alwanyisa nnyina,
muka mwana n'alwanyisa nnyazaala we.
Abalabe b'omuntu, bantu be, ab'omu nju ye bennyini.

7 Naye nze nnindirira MUKAMA nga nnina essuubi,
nnindirira Katonda Omulokozi wange;
Katonda wange anampulira.

8 Tonjeeyereza ggwe omulabe wange,
kubanga wadde ngudde, nnaayimuka.
Ne bwe naatuula mu kizikiza,
MUKAMA anaabeera ekitangaala kyange.
9 Nnaagumikirizanga MUKAMA bw'anaabanga ambonereza,
kubanga nnyonoonye mu maaso ge,
okutuusa lw'alimpolereza,
n'anziza buggya.
Alindeeta mu kitangaala,
era ndiraba obutuukirivu bwe.
10 Olwo omulabe wange alikiraba,
n'aswala,
oyo eyanjeeyerezanga ng'agamba nti,
"Ali ludda wa MUKAMA Katonda wo?"
Ndisanyuka ng'agudde,
era alirinnyiririrwa ng'ebitoomi eby'omu nguudo.

11 Olunaku olw'okuzimba bbugwe wo lulituuka,
olunaku olw'okugaziya ensalo yo.
12 Mu biro ebyo abantu balijja gy'oli
nga bava mu Bwasuli ne mu bibuga by'e Misiri,
n'okuva e Misiri okutuuka ku mugga Fulaati,
n'okuva ku nnyanja emu okutuuka ku nnyanja endala,
n'okuva ku lusozi olumu okutuuka ku lusozi olulala.
13 Ensi erifuuka matongo,
olw'ebikolwa by'abantu abagibeeramu.

### *Okusaba n'Okutendereza*

14 Lunda abantu bo n'omuggo gwo,
ekisibo kye weeroboza,
ababeera bokka mu kibira
mu malundiro amagimu.
Baleke baliire mu Basani ne Gireyaadi, nga mu biseera eby'edda.

15 Nga bwe kyali mu nnaku ze mwaviiramu mu Misiri,
nzija kubalaga ebikulu eby'ekitalo.

16 Amawanga galikiraba ne gakwatibwa ensonyi,
ne gamalibwamu amaanyi.
Abantu baago balikwata ku mimwa gyabwe
n'amatu gaabwe ne gaziba.

17 Balirya enfuufu ng'omusota,
ng'ebisolo ebyewalula.
Balifuluma obunnya bwabwe nga bakankana
ne bakyuka okudda eri MUKAMA Katonda waffe, ne babatya.
18 Katonda ki omulala ali nga ggwe,
asonyiwa ekibi era n'asonyiwa ebyonoono byabo
abaasigalawo ku bantu be?
Obusungu bwe tebubeerera emirembe gyonna,
naye asanyukira okusaasira.
19 Alikyuka n'atukwatirwa ekisa nate; alirinnyirira ebibi byaffe,
n'asuula ebyonoono byaffe byonna mu buziba bw'ennyanja.
20 Olikola eby'amazima bye wasuubiza Yakobo,
n'ebyekisa bye wasuubiza Ibulayimu,
nga bwe weeyama eri bajjajjaffe
okuva mu nnaku ez'edda.

# Ekitabo Ekiyitibwa Nakkumu

1 Kuno kwe kwolesebwa Katonda kwe yalaga Nakkumu, Omwerukoosi
okukwata ku bibambulira ebyali bijjira Nineeve.

### *Obusungu bwa MUKAMA ku Nineeve*

2 Katonda wa buggya era MUKAMA awalana eggwanga.
MUKAMA awalana eggwanga era ajudde ekiruyi.
MUKAMA yeesasuza ku balabe be
era aterekera abamuwakanya obusungu bwe.
3 MUKAMA tatera kusunguwala, ate nga wa maanyi mangi
era tayinza n'akatono butabonereza oyo gwe gusinze.
Ekkubo lye liri mu mpewo ey'akazimu ne mu kibuyaga,
n'ebire ye nfuufu y'ebigere bye.
4 Akangavvula ennyanja n'agikaza
era akaza emigga gyonna,
ennimiro ez'omu Basani zikala, olusozi Kalumeeri lwonna lukayuse,
n'ebimuli bya Lebanooni biwotose.
5 Ensozi zikankanira mu maaso ga Katonda,
obusozi ne busaanuuka,
ettaka ne lyatikayatika mu maaso ge,
ensi n'ekankana n'abantu bonna abagirimu.
6 Ani ayinza okuyimirira mu maaso ge ng'asunguwadde?
Ani ayinza okugumira obusungu bwe obw'amaanyi?
Ekiruyi kye kibuubuuka ng'omuliro,
n'enjazi n'eziyatikayatika.

7 MUKAMA mulungi,
kiddukiro mu kiseera eky'okulabiramu ennaku,
era alabirira abo bonna abamwesiga.
8 Naye alisaanyaawo abalabe be mu mataba amazibu,
ekizikiza kiribawondera.

9 Buli kye mwekobaana okukola MUKAMA,
alikikomya.
Akabi tekalijja mulundi gwakubiri.
10 Kubanga baliba ng'amaggwa agakwataganye,
era nga batamidde,
balyoke bookebwe omuliro ng'ekisambu ekikalu.
11 Mu ggwe Nineeve muvuddemu omuntu
alowooza akabi
era ateesa ebibi ku MUKAMA.
12 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti,
"Newaakubadde nga balina be bakolagana nabo bangi, ate nga bangi,
balizikirizibwa ne baggwaawo.
Newaakubadde nga mbabonereza mmwe abantu bange,
siriddayo kukikola nate.
13 Kaakano nzija kumenya ekikoligo kyabwe nkibaggyeko
era n'ebibasibye nnaabikutulakutula."

14 Kino MUKAMA ky'alagidde ekikwata ku Nineeve:
“Erinnya lyo terikyayala nate.
Ndizikiriza ekifaananyi ekyole n'ekifaananyi ekisaanuuse
ebiri mu masabo g'abakatonda bo;
ndisima entaana yo
kubanga oyinze obugwagwa.”

15 Yimusa amaaso, tunula ku nsozi, laba,
ebigere ebirungi eby'oyo aleese amawulire amalungi,
alangirira emirembe.
Ggwe Yuda kwata embaga zo entukuvu,
era otuukirize obweyamo bwo;
omubi kaakano takyakulumba,
azikiririzibbwa ddala, tolimulaba nate.

# 2

*Okugwa kwa Nineeve*

1 Nineeve, olumbiddwa omulabe;
kuuma ekigo,
Kuuma ekkubo,
weesibire ddala onywere mu kiwato,
kuŋŋaanya amaanyi go gonna.
2 Kubanga MUKAMA alizzaawo ekitiibwa kya Yakobo,
kibe ng'ekitiibwa kya Isirayiri,
newaakubadde ng'abazikiriza baabasaanyawo,
ne boonoona emizabbibu gyabwe.

3 Engabo z'eggye erikutabadde zonna myufu
n'engoye ze bambadde nazo bwe zityo.
Amagaali g'ebyuuma gamasamasa
ku lunaku lwe gategekebwa,
era n'amafumu gagalulwa mu ngeri ey'entiisa!
4 Amagaali g'abalwanyi gatayira mu nguudo,
gadda eno n'eri,
galabika ng'emimuli egyaka,
gamyansa ng'eggulu.

5 Omuduumizi bw'ayita abalwanyi be
bajja bagwirana.
Badduka mbiro ku bbugwe w'ekibuga
we beetegekera okwerwanako.
6 Enzigi ez'omugga zigguddwawo,
amazzi ne gasaanyaawo olubiri.
7 Etteeka lyayisibwa ku kibuga
nti kiriwaŋŋangusibwa,
abaddu abakazi bakungubaga ng'amayiba,
nga bwe beekuba mu bifuba.
8 Ab'omu Nineeve bafaanana ng'ekidiba
eky'amazzi agakalira.
Wadde nga babakoowoola nti, “Muyimirire, muyimirire!”
bo beeyongerayo bweyongezi.
9 Ffeeza yaakyo temugirekaawo,

ne zaabu nayo mugitwalire ddala,
omunyago teguggwaayo,
eby'obugagga byakyo ebitabalika ebirungi ddala.
10 Ekibuga kisigadde kyangaala!
Abantu bonna emitima gibeewanise, emibiri gibakankana,
amaviivi gabakubagana, basiiwuuse ne mu maaso.

11 Eri ludda wa empuku y'empologoma,
ekifo we ziriisiza empologoma zaazo ento,
empologoma ensajja, n'enkazi,
n'ento we zaatambuliranga nga tewali kizikanga?
12 Empologoma ensajja yayigganga ennyama y'abaana ebamala,
n'enkazi n'ezittira eyaazo,
n'ejjuza empuku n'omuyiggo,
ne mu bisulo ne mujjula ennyama.

13 "Laba nze MUKAMA ow'Eggye
nkwolekedde,
era ndyokya amagaali go gonna ne ganyooka,
n'ekitala kirizikiriza empologoma zo ento.
Era tolifuna munyago mulala nate ku nsi,
n'eddoboozi ly'ababaka bo
teririddayo kuwulirwa."

# 3

*Ebibi bya Nineeve*

1 Zikusanze ggwe ekibuga eky'omusaayi!
Kyonna ekijjudde eby'obulimba
n'obunyazi,
ekitaggwaamu banyagiddwa.
2 Muwulire okuvuga kw'embooko,
n'okuvuuma kwa namuziga z'amagaali
n'ebigere by'embalaasi nga bwe bivuga
n'amagaali nga gakubaganira mu nguudo!
3 Laba eggye ery'embalaasi erirumba,
n'ebitala ebitemagana,
n'amafumu agamyansa.
Abatuukiddwako ebisago nga bayitirivu,
ne ntuumu ennene ez'emirambo
egitamanyiddwa muwendo;
abantu bagirinnyirira.
4 Bino byonna biri bityo kubanga Nineeve yeeweerayo ddala okwetunda
eri abalabe ba Katonda obutasalako, nga malaaya omukulu,
kye kibuga ekikyaamu ekitali kyesigwa ekyawubisa ebirala, omukulu
w'obufumu,
ekyafuula amawanga abaddu baakyo olw'obwamalaaya bwakyo,
n'olw'obulogo bwakyo.
5 "Laba nkwolekedde," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye,
"era nditikka engoye zo ne zidda ku mutwe gwo.
Ensi zonna ziriraba obwereere bwo
n'obwakabaka bwonna bulabe ensonyi zo.
6 Ndikukanyugira kazambi,

era ndikufuula ekyenyinyalwa
ne nkufuula eky'okwelolera.
7 Awo bonna abalikutunuulira balikwesamba ne bagamba nti,
'Nineeve kifuuse matongo, ani anakikungubagira?'
Abalikikubagiza baliva wa?"

8 Ggwe Nineeve ggw'osinga Tebesi
ekyali kizimbiddwa ku mugga Kiyira
ng'amazzi gakyetoolodde okukikuuma ku njuyi zonna?
Olukomera lwakyo gwali mugga
era amazzi ge gaali bbugwe waakyo.
9 Esiyopya ne Misiri ze zaakiwagiranga.
Ate nga Abapuuti* n'ab'omu Libiya nabo nga bakiyamba.
10 Kyawambibwa, ne kitwalibwa mu buwaŋŋanguse.
Abaana bwakyo abawere babetentebwa mu ntandikwa ya buli luguudo.
Abakungu baakyo baakubirwa obululu,
n'abasajja be ab'amaanyi baasibibwa mu njegere.
11 Nineeve naawe olitamiira,
olyekweka
ng'onoonya obuddukiro owone omulabe wo.

12 Ebigo byo byonna biri ng'emitiini
egiriko ebibala ebisooka okwengera;
bwe ginyeenyezebwa
ne bigwa mu kamwa k'oyo anaabirya.
13 Laba abalwanyi bammwe balinafuwa
ne batiitiira ng'abakazi.
Enzigi z'ensi yo
nzigule eri abalabe bo.
Era omuliro gwokezza emikiikiro gyazo.

14 Weenyweze bajja kukulumba!
Weeterekere ku mazzi g'onoonywako.
Nyweza ebisenge byo.
Noonya ettaka olisambe
oddaabirize ekisenge eky'amatoffaali.
15 Omuliro gulikulya,
ekitala kirikuzikiriza.
Wenna oliriibwa ng'enzige bwe zirya ebirime.
Mweyongere obungi ng'enseenene,
mwale ng'enzige.
16 Mwongedde ku bungi bwa basuubuzi bammwe
okusinga emmunyeenye ez'oku ggulu.
Naye ensi baligikaza okufaanana ng'enzige bwe zimalawo ensi
ne ziryoka zibuuka.
17 Abakuumi bammwe bali ng'enzige,
n'abakungu bammwe ng'ebibinja by'enzige
ezibeera ku bisenge ku lunaku olw'obutiti.
Enjuba bw'evaayo zibuuka

---

* **3:9** Abapuuti ne Abapuuli balabika nga baali bantu ba mu kitundu kye kimu. Puuti ye Libiya oba ekitundu ekyetoolodde n'okutuukira ddala ku Somaliya

ne ziraga etamanyiddwa.

18 Abasumba bo nga babongoota, ggwe kabaka wa Bwasuli,
n’abakungu abeekitiibwa bagalamidde nga bawumuddeko.
Abantu bo basaasaanira ku nsozi
nga tewali n’omu abakuŋŋaanya.
19 Tewali kisobola kuwonya
kiwundu kyo ekinene bwe kityo.
Bonna abawulira ebikuguddeko
bakuba bukubi mu ngalo olw’okugwa kwo.
Ani ataakosebwa
olw’ettima lyo eringi?
Kubanga muntu ki ataatuusibwako bukambwe bwo obwa buli kakedde?

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Kaabakuuku

1 Buno bwe bubaka bwa MUKAMA, Kaabakuuku nnabbi bwe yafuna.

### *Kaabakuuku Yeemulugunya olw'Obutali Bwenkanya*

2 Ayi MUKAMA, ndituusa ddi okukukaabirira
naye nga tompuliriza?
Lwaki nkukaabirira nti, "Ebikolwa eby'obukambwe bimpitiriddeko,"
naye n'otonnyamba?
3 Lwaki ondaga obutali bwenkanya
era lwaki ogumiikiriza obukyamu?
Kubanga okuzikiriza n'ebikolwa eby'obukambwe biri mu maaso gange,
empaka n'ennyombo byeyongede.
4 Amateeka kyegavudde gatagonderwa
era n'obwenkanya ne butakolebwa.
Ababi be basinga abatuukirivu obungi era babeebunguludde,
n'obwenkanya ne bulinnyiririrwa.

### *Okuddamu kwa MUKAMA*

5 "Mutunuulire amawanga, mwetegereze. Mwewuunyize ddala nnyo.
Kubanga ŋŋenda kukola omulimu mu nnaku zammwe
gwe mutalikkiriza
newaakubadde nga mugubuuliddwa.
6 Kubanga laba, nkuyimusiza Abakaludaaya,
eggwanga eryo eririna ettima era ekkambwe,
ababunye ensi eno n'eri
nga bawamba amawanga agatali gaabwe.
7 Ba ntiisa, batiibwa,
be beetekera amateeka gaabwe era be bagassa mu nkola,
nga balwanirira ekitiibwa kyabwe.
8 Embalaasi zaabwe zidduka okukira engo,
era mu bukambwe zikira emisege egy'ekiro.
Abasajja abeebagala embalaasi bava mu nsi ey'ewala
era bajja beesaasaanyizza
ne banguwa okutuuka ng'ensega bw'erumba ky'eneerya.
9 Bajja n'eryanyi bonna,
ebibinja byabwe birumba ng'embuyaga ey'omu ddungu;
ne balyoka bayoola abawambe abangi ng'omusenyu.
10 Weewaawo, basekerera bakabaka
ne baduulira n'abakungu.
Basekerera buli kibuga ekiriko ekigo
ne bakituumako ebifunfugu ne balinnyira okwo, ne bakiwamba.
11 Awo ne bayita nga bakunta ng'embuyaga;
abantu bano omusango be gwasinga, eryanyi lyabwe ye katonda waabwe."

### *Kaabakuuku Yeemulugunya Ogwokubiri*

12 Ayi MUKAMA toli wa mirembe na mirembe,
ggwe MUKAMA Katonda wange, si ggwe Mutukuvu wange? Tetulifa.
Ayi MUKAMA ggwe wabateekawo n'obawa amaanyi batusalire emisango.

Era ggwe Olwazi, wabateekawo kubonereza.
13 Amaaso go gajjudde obulongoofu tegatunula ku kibi,
so toyinza kugumiikiriza bukyamu.
Kale lwaki ggwe ogumiikiriza ab'enkwe,
n'osirika ng'omubi amalirawo ddala
omuntu amusinga obutuukirivu?
14 Kubanga abantu obafudde ng'ebyennyanja eby'omu nnyanja,
ng'ebitonde eby'omu nnyanja ebitaliiko abifuga.
15 Omulabe omubi abakwata bonna ng'eddobo,
oluusi n'abawalula mu katimba ke,
n'abakuŋŋaanya mu kiragala kye
n'alyoka asanyuka n'ajaguza.
16 Kyava awaayo ssaddaaka eri akatimba ke
n'ayotereza n'ekiragala kye obubaane;
akatimba ke kamuwa obulamu obw'okwejalabya,
n'alya emmere ey'ekigagga.
17 Kale, bwe batyo bwe banaalekebwa okutikkula obutimba bwabwe,
n'okusaanyaawo amawanga awatali kusaasira?

# 2

*Obulamu eri Abatuukirivu*

1 Kale ndiyimirira mu kifo kyange we ntera okubeera
ntunule nga ndi waggulu eyo ku ggulumu
nnindirire ky'aliŋŋamba,
era ne kye ndimuddamu ekikwata ku kwemulugunya kw'abantu.
2 Awo Mukama n'anziramu n'ayogera nti,
"Wandiika okwolesebwa okwo ku bipande.
Kuwandiike bulungi
ate omubaka gwe banaatuma, akutwale bunnambiro.
3 Kubanga okwolesebwa okwo kujja mu kiseera kyakwo ekigere.
Kwogera ku by'enkomerero
ate si kwa bulimba.
Bwe kunaaba ng'okuluddewo, mukulindirire,
kujja kutuukirira, tekugya kulwa.

4 "Laba oyo ow'emmeeme eteri nnongoofu wa kugwa,
naye omutuukirivu aliba mulamu olw'obwesigwa bwe."

*Akabi eri Aboonoonyi*

5 Weewaawo, omwenge mulimba
guleetera omuntu amalala, ate taguwummulako.
Ate olwokubanga gwa mululu ng'emagombe, mu butakkuta gufaanana okufa.
Era okufaanana ng'olumbe, tegukkuta,
amawanga gonna gugeekuŋŋanyizaako
ne gugafuula abasibe.
6 "Bano bonna si be balimugitererako engero bamusekerere nga bagamba
nti,
" 'Zimusanze oyo eyeyongeza ebitali bibye!
Oyo eyeetuumako obugagga obuva mu nguzi!'
7 Abakubanja tebalikuyimukirako nga tomanyiridde,

era tebalizuukuka ne bakweraliikiriza?
Oliba togudde mu mikono gyabwe?
8 Kubanga onyaze amawanga mangi,
abantu abasigaddewo balikunyaga;
Oyiye omusaayi gw'abantu,
n'oyonoona ensi n'ebibuga n'abantu bonna ababibeeramu."

9 Zimusanze oyo azimbira amaka ge ku bikolwa ebibi,
azimba ekisu kye waggulu,
okwekuuma obutatuukwako kabi!
10 Wategeka okuzikirira kw'abantu bangi,
n'oswaza ennyumba yo ne weefiiriza obulamu bwo.
11 Amayinja g'oku bbugwe galikaaba,
n'emikiikiro gy'ebibajje girikyasanguza.

12 Zimusanze oyo azimba ekibuga n'omusaayi,
atandika ekibuga n'obutali butuukirivu.
13 Tekyategekebwa MUKAMA ow'Eggye
nti okutegana kw'abantu nku buku za muliro,
n'amawanga geemalamu ensa olw'ebintu ebitaliimu?
14 Kubanga ensi erijjula okumanya ekitiibwa kya MUKAMA,
ng'amazzi bwe ganjaala ku nnyanja.

15 Zimusanze oyo awa baliraanwa be ekitamiiza
n'akibafukira okuva mu kita n'abawa banywe okutuusa lwe batamiira
asobole okutunuulira ensonyi zaabwe!
16 Olijjuzibwa ensonyi mu kifo ky'ekitiibwa.
Naawe olinywa n'oswala.
Ekikompe eky'omu mukono gwa MUKAMA ogwa ddyo kirikyusibwa kidde gy'oli,
n'ensonyi ez'obuwemu zisaanikire ekitiibwa kyo.
17 Ebikolwa eby'obukambwe bye watuusa ku Lebanooni,
n'okutta ensolo, birikutiisa.
Osse abantu
n'ozikkiriza ensi n'ebibuga n'abantu ababibeeramu.

18 "Ekifaananyi ekyole kigasa ki? Anti kibajje bubazzi.
Oba ekifaananyi eky'ekyuma, ekisomesa obulimba?
Kubanga omuweesi yeesiga mirimu gya mikono gye
nga akola ebifaananyi ebitayogera!
19 Zimusanze oyo agamba omuti nti, 'Lamuka;'
agamba ejjinja nti, 'Golokoka!'
Kino kisobola okuluŋŋamya?
Kibikiddwa zaabu ne ffeeza,
so tekiriimu bulamu n'akatono.
20 Naye MUKAMA ali mu yeekaalu ye entukuvu:
ensi zonna zisiriikirire mu maaso ge."

# 3

*Okusaba kwa Kaabakuuku*

1 Okusaba kwa nnabbi Kaabakuuku, okw'Ekisigiyonosi.

2 Ayi MUKAMA, mpulidde ebigambo byo;
mpulidde ettutumu lyo Ayi MUKAMA, ne ntya.
Bizze buggya mu nnaku zaffe,
bimanyise mu biro bino,
era mu busungu jjukira okusaasira.

3 Katonda yajja ng'ava e Temani,
Omutukuvu oyo ng'ava ku lusozi Palani.
Ekitiibwa kye kyatimbibwa ku ggulu,
ensi n'eryoka ejjula ettendo lye.
4 Okumasamasa kwe ne kulyoka kubeera ng'enjuba evaayo.
Ebimyanso byayakanga okuva mu mukono gwe,
era omwo mwe mwasinziiranga amaanyi ge ag'ekitalo.
5 Kawumpuli ye yakulembera,
Endwadde endala zinaamutta ne zigoberera.
6 Yayimirira n'anyeenyanyeenya ensi;
Yatunula n'akankanya amawanga.
Ensozi ez'edda za merenguka,
obusozi obw'edda ne buggwaawo. Engeri ze, za mirembe na mirembe.
7 Nalaba eweema z'e Kusani nga ziri mu nnaku:
n'entimbe ez'ensi ya Midiyaani nga zijugumira.

8 Ayi MUKAMA, wanyiigira emigga?
Obusungu bwo bwali ku bugga obutono?
Wanyiigira ennyanja
bwe weebagala embalaasi zo,
n'olinnya ku magaali go ag'obuwanguzi?
9 Wasowolayo akasaale ko,
wategeka okulasa obusaale;
ensi n'ogyawulayawulamu n'emigga.
10 Ensozi zaakulaba, ne zeenyogootola;
Amataba ne gayitawo mbiro,
obuziba bw'ennyanja ne buwuluguma,
ne busitula amayengo gaayo waggulu.

11 Enjuba n'omwezi ne biyimirira butengerera mu bifo byabyo,
olw'okumyansa kw'obusaale bwo nga buwenyuka,
n'olw'okumyansa kw'effumu lyo eritemagana.
12 Watambula okuyita mu nsi ng'ojjudde ekiruyi,
wasambirirasambirira amawanga mu busungu bwo.
13 Wavaayo oleetere abantu bo obulokozi,
olokole gwe wafukako amafuta;
Wabetenta omukulembeze w'ensi ekola ebibi,
ng'omwerulira ddala okuva ku mutwe okutuuka ku bigere.
14 Wafumita omutwe gwe n'effumu lye ye,
abalwanyi be bwe baavaayo okutugoba,
nga bali ng'abanaatumalawo,
ffe abaali baweddemu essuubi nga twekwese.
15 Walinnyirira ennyanja n'embalaasi zo,
n'otabangula amazzi amangi.

### *Okusanyukira mu MUKAMA*

16 Nawulira, n'omutima gwange ne gukankana
n'emimwa gyange gijugumira olw'eddoboozi eryo;
Obuvundu ne buyingira mu magumba gange,
amagulu gange ne gakankana.
Naye nnaalindirira n'obugumiikiriza olunaku olw'okulabiramu ennaku
bwe lulijjira eggwanga eritulumba.
17 Wadde omutiini tegutojjera,
so n'emizabbibu nga tegiriiko bibala,
amakungula g'emizeeyituuni ne gabula,
ennimiro ne zitabala mmere n'akamu,
endiga nga ziweddemu mu kisibo,
nga n'ente tezikyalimu mu biraalo,
18 kyokka ndijaguliza MUKAMA,
ne nsanyukira mu Katonda Omulokozi wange.

19 MUKAMA Katonda, ge maanyi gange;
afuula ebigere byange okuba ng'eby'empeewo,
era ansobozesa okutambulira mu bifo ebigulumivu.
Ya Mukulu wa Bayimbi, ku bivuga byange ebirina enkoba.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Zeffaniya

1 Ekigambo kya MUKAMA ekyajjira Zeffaniya mutabani wa Kuusi, muzzukulu wa Gedaliya, muzzukulu wa Amaliya, muzzukulu wa Keezeekiya, mu mirembe gya Yosiya mutabani wa Amoni, Kabaka wa Yuda.

### *Okulabula kw'Omusango n'Okuzikirizibwa kwa Yuda*

2 "Ndizikiririza ddala byonna okuva ku nsi," bw'ayogera MUKAMA.
3 "Ndizikiriza abantu wamu n'ensolo;
ndizikiriza ebinyonyi eby'omu bbanga
n'ebyennyanja;
ababi balisigaza ntuumu ya kafakalimbo;
bwe ndimalawo abantu okuva ku nsi,"
bw'ayogera MUKAMA.
4 Ndigololera ku Yuda omukono gwange,
era ne ku abo bonna abali mu Yerusaalemi;
era ekitundu kya Baali ekifisseewo n'ennyumba ya Bakemali,
bakabona abasinza ebifaananyi, ndibazikiriza okuva mu kifo kino,
5 abo abavuunamira eggye ery'omu ggulu
ku nnyumba waggulu,
ne balisinza n'abo abalayira mu linnya lya MUKAMA,
ate nga balayira ne mu linnya lya Malukamu,
6 abo abadda emabega obutagoberera MUKAMA,
wadde abo abatamunoonya newaakubadde okumwebuuzaako.

7 Siriikirira awali MUKAMA Katonda,
kubanga olunaku lwa MUKAMA luli kumpi.
MUKAMA ategese ssaddaaka,
era atukuzizza abagenyi be.

8 Ku lunaku olwa ssaddaaka ya MUKAMA,
ndibonereza abakungu
n'abaana ba Kabaka,
n'abo bonna abambadde
ebyambalo ebitasaana.
9 Awo ku lunaku olwo ndibonereza
abo bonna abeewala okulinnya ku muziziko,
n'abo abajjuza ennyumba ya MUKAMA waabwe
ebikolwa eby'obukambwe n'obulimba.

10 Ku lunaku olwo, bw'ayogera MUKAMA,
eddoboozi ery'okukaaba liriwulikika ku Mulyango ogw'Ebyennyanja,
okukaaba okuva ku luuyi olwokubiri,
n'okubwatuka okunene okuva ku nsozi.
11 Mwekaabireko, mmwe abali mu matwale g'akatale;
abasuubuzi bammwe bonna zibasanze,
n'abo abeebinika ffeeza balizikirizibwa.
12 Awo olulituuka mu biro ebyo ndimulisa Yerusaalemi n'ettabaaza nga
nnoonya,
mbonereze abo bonna abalagajjavu

abali ng'omwenge ogutanasengejjebwa,
abalowooza nti MUKAMA
talibaako ne ky'akolawo.
13 Obugagga bwabwe bulinyagibwa,
n'ennyumba zaabwe zimenyebwemenyebwe.
Ne bwe balizimba ennyumba
tebalizituulamu,
era balisimba ennimiro ez'emizabbibu nazo
tebalinywa wayini wamu.

### *Olunaku lwa MUKAMA Olukulu*

14 Olunaku lwa MUKAMA olukulu luli kumpi;
ddala lunaatera okutuuka.
Wuliriza! Omulwanyi alikaabira eyo ng'aliko obuyinike bungi,
n'okukaaba ku lunaku lwa MUKAMA kujja kuba kungi nnyo.
15 Olunaku olwo lunaku lwa busungu,
lunaku lwa buyinike n'okulaba ennaku,
lunaku lwa mutawaana n'okuzikirira,
olunaku olw'ekikome n'ekizikiza,
olunaku lw'ebire n'ekizikiza ekikutte ennyo;
16 olunaku olw'okufuuwa ekkondeere n'okulangirira olutalo
ku bibuga ebiriko ebigo
n'eri eminaala emigulumivu.

17 Ndireeta, obuyinike ku bantu,
batambule ng'abazibe b'amaaso,
kubanga bakoze ebibi mu maaso ga MUKAMA,
omusaayi gwabwe guliyiyibwa ng'enfuufu,
n'ebyenda byabwe bivundire kungulu.
18 Effeeza yaabwe ne zaabu yaabwe
tebiriyinza kubataasa
ku lunaku olw'obusungu bwa MUKAMA.

Ensi yonna erizikirizibwa
omuliro gw'obuggya bwe,
era alimalirawo ddala
abo bonna abali mu nsi.

## 2

### *Abalalabe ba Isirayiri Basalirwa Omusango*

1 Mukuŋŋaane, weewaawo, mukuŋŋaane,
mmwe eggwanga eritalina nsonyi,
2 ekiseera ekyategekebwa nga tekinnatuuka,
olunaku ne luba ng'ebisusunku ebifuumulibwa,
obusungu bwa MUKAMA nga tebunnabatuukako,
ng'olunaku olw'obusungu bwa MUKAMA terunnabatuukako.
3 Munoonye MUKAMA, mmwe mwenna abawombeefu ab'omu nsi,
abakola by'alagira;
munoonye obutuukirivu n'obuwombeefu;
mpozzi mulikwekebwa
ku lunaku olw'obusungu bwe.

### *Obubaka eri Abafirisuuti*

4 Gaza kirirekebwawo,
ne Asukulooni kiriba matongo:
abantu ba Asudodi baligobebwamu mu ttuntu,
ne Ekuloni kirisimbulibwa.
5 Zibasanze mmwe ababeera ku lubalama lw'ennyanja,
eggwanga ery'Abakeresi!
Ekigambo kya MUKAMA kikwolekedde,
ggwe Kanani, ensi ey'Abafirisuuti.
Ndikuzikiriza
so tewaliba asigalawo.
6 Olubalama lw'ennyanja ab'Akeresi gye babeera
luliba malundiro g'abasumba n'ebisulo by'endiga.
7 Olubalama lw'ennyanja luliba lwa kitundu ky'ennyumba ya Yuda ekyasigalawo
era we banaalundiranga,
ne mu nnyumba za Asukulooni
mwe banaagalamiranga akawungeezi.
MUKAMA Katonda waabwe alibalabirira,
n'akomyawo obugagga bwabwe.

*Obubaka eri Abamowaabu n'Abamoni*

8 Mpulidde okuvuma kwa Mowaabu
n'okusekerera kw'Abamoni
kwe bavumye abantu bange
ne batiisatiisa ensi yaabwe.
9 Kale nga bwe ndi omulamu,
bw'ayogera MUKAMA Ayinzabyonna, Katonda wa Isirayiri,
ddala Mowaabu aliba nga Sodomu,
n'abaana ba Amoni nga Ggomola,
ekifo emyennyango kye gyemala, n'ebirombe by'omunnyo,
amatongo agolubeerera. Balinyagibwa abantu bange abaliba basigaddewo,
n'ekitundu ky'eggwanga lyange ekifisseewo kiritwala ensi yaabwe.

10 Eno y'eriba empeera yaabwe olw'amalala gaabwe,
kubanga bavumye ne banyooma abantu ba MUKAMA Ayinzabyonna.
11 MUKAMA aliba wa ntiisa gye bali
bw'alizikiriza bakatonda bonna ab'ensi.
Amawanga gonna ag'oku mbalama zonna galimusinza,
buli muntu ng'asinziira mu nsi ye.

*Obubaka eri Abaesiyopiya*

12 Nammwe Abaesiyopiya, mulittibwa n'ekitala kyange.

*Obubaka eri Obwasuli*

13 Aligololera omukono gwe ku bukiikakkono
n'azikiriza Obwasuli;
n'afuula Nineeve amatongo
era ekikalu ng'eddungu.
14 Ente n'endiga zinaagalamiranga wakati mu kyo,
n'ensolo zonna eza buli kika:
ekiwuugulu era ne nnamunnungu
banaasulanga ku mpagi zaakyo.
Amaloboozi gaabyo ganaawulikikanga mu madirisa;

kafakalimbo ajjudde mu miryango,
n'emikiikiro egy'emivule giryelulwa.
15 Kino kye kibuga ekya kyetwala,
ekyayogeranga mu mutima gwakyo nti,
Nze we ndi, tewali mulala wabula nze:
nga kifuuse bifulukwa,
ekifo ensolo ez'omu nsiko we zigalamira!
Buli muntu akiyitako aneesoozanga
n'akinyoomoola.

# 3

*Obujeemu bwa Yerusaalemi*

1 Zikisanze ekibuga ekijooga,
ekijeemu era ekyonoonefu!
2 Tekigondera ddoboozi lya MUKAMA,
wadde okukkiriza okubuulirirwa;
tekyesiga MUKAMA;
wadde okusemberera Katonda waakyo.
3 Abakungu baakyo mpologoma eziwuluguma,
era n'abalamuzi baakyo misege gya kiro,
bakirimululu abatafissaawo kantu.
4 Bannabbi baakyo si ba buvunaanyizibwa
era ba nkwe;
bakabona baakyo baweebuusizza ekifo ekitukuvu,
era bamenya amateeka.
5 MUKAMA ali wakati mu kyo, mutuukirivu
era tasobya.
Buli nkya alamula mu bwenkanya,
era buli lukya talemwa;
naye atali mutuukirivu taswala.

6 "Nsanyizzaawo amawanga,
era ebigo byabwe bifufuggaziddwa;
nzisizza enguudo zaabwe,
ne wataba ayitamu.
Ebibuga byabwe bizikiridde,
ne watabaawo muntu n'omu abeeramu.
7 Nagamba eri ekibuga nti,
'Ddala onontya,
era onokkiriza okubuulirirwa.'
Ennyumba zaakyo tezandimaliddwawo,
n'ebibonerezo byange byonna tebyandimutuuseeko.
Naye beesunganga nnyo
okukola ebitasaana mu byonna bye baakolanga.
8 Noolwekyo munnindirire," bw'ayogera MUKAMA.
Olunaku lwe ndiyimirira ne ntegeeza byonna
kubanga mmaliridde okukuŋŋaanya amawanga,
ndireeta obwakabaka wamu
okubayiwako obusungu bwange,
n'ekiruyi kyange kyonna.
Omuliro ogw'obuggya bwange
gulisaanyaawo ensi yonna.

*Essuubi lya Isirayiri*

9 “Mu biro ebyo ndirongoosa enjogera ey’amawanga;
bonna balikoowoola erinnya lya MUKAMA,
okumuweereza n’omwoyo gumu.
10 Okuva emitala w’emigga egy’Obuwesiyopya,
abo abansinza, abantu bange abasaasaana,
balindeetera ssaddaaka.
11 Ku lunaku olwo toliswala
olw’ebyo byonna by’osobezza gye ndi:
kubanga ndiggya wakati mu ggwe
abo abeenyumiririza mu malala,
toliddayo nate kwegulumiza
ku lusozi lwange olutukuvu.
12 Naye ndireka wakati mu ggwe
abantu abakakkamu era abeetoowaze,
abo abesiga erinnya lya MUKAMA.
13 Ekitundu kya Isirayiri ekirisigalawo tebalikola bitali bya butuukirivu
so tebalyogera bya bulimba
wadde okuba abakuusa.
Balirya, baligalamira,
so tewaliba alibatiisa.”

*Oluyimba olw’Essanyu*

14 Yimba, ggwe omuwala wa Sayuuni;
yogerera waggulu, ggwe Isirayiri;
sanyuka ojaguze n’omutima gwo gwonna,
ggwe omuwala wa Yerusaalemi.
15 MUKAMA akuggyeeko ekibonerezo kyo,
agobyewo omulabe wo.
Kabaka wa Isirayiri, MUKAMA, ali naawe;
tokyaddayo kutya kabi konna.
16 Ku lunaku olwo Yerusaalemi kirigambibwa nti,
“Totya, ggwe Sayuuni;
emikono gyo gireme okuddirira.
17 MUKAMA Katonda ali naawe,
ow’amaanyi alokola:
alikusanyukira,
alikukkakkanyiza mu kwagala kwe,
alikusanyukira n’okuyimba.”

18 “Ennaku eyabakwatanga olw’embaga ezabakuŋŋaanyanga
ndigibaggyako;
kubanga kibafuukidde omugugu.
19 Laba, mu biro ebyo ndibonereza
abo bonna abaakubonyaabonya:
era ndinunula omulema,
ne nkuŋŋaanya n’abo abaasaasaanyizibwa;
era ndibafuula ettendo ne mbawa ekitiibwa
mu nsi zonna gye baaswazibwa.
20 Mu biro ebyo ndibakuŋŋaanya;
mu kiseera ekyo ndibazza eka.
Weewaawo ndibawa ekitiibwa n’ettendo
mu mawanga gonna ag’omu nsi zonna,

bwe ndikomyawo obugagga bwammwe
nga mulaba,”
bw’ayogera MUKAMA.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Kaggayi

### *Okukoowoola olw'Okuddaabiriza Ennyumba ya Mukama*

1 Mu mwaka ogwokubiri ogw'okufuga kwa kabaka Daliyo, ku lunaku olusooka mu mwezi ogw'omukaaga, ekigambo kya Mukama ne kijjira nnabbi Kaggayi okutegeeza Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ow'essaza lya Yuda, ne Yoswa mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu nti:

2 Bw'ati bw'ayogera Mukama ow'eggye nti, "Abantu bano boogera nti, 'Ekiseera tekinnatuuka okuddaabiriza ennyumba ya Mukama.' "

3 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira nnabbi Kaggayi nga kyogera nti;

4 "Kino kye kiseera mmwe okubeera mu nnyumba zammwe enkole obulungi, naye ennyumba eyo n'erekebwa nga kifulukwa?"

5 Kale nno bw'ati bw'ayogera Mukama ow'Eggye nti, "Mweddeko ku neeyisa yammwe.

6 Musimbye bingi naye ne mukungula bitono; mulya naye temukkuta; munywa naye ennyonta tebaggwaako; mwambala naye temubuguma; mukolera empeera naye ze mukoze muziteeka mu nsawo ejjudde ebituli."

7 Bw'ati bw'ayogera Mukama ow'Eggye nti, "Mweddeko ku neeyisa yammwe.

8 Mwambuke mu nsozi muleeteyo embaawo muzimbe ennyumba ngisanyukire, ngulumizibwe," bw'ayogera Mukama.

9 "Mwasuubira bingi, naye mulaba bwe muvuddemu ebitono. Bye mwaleeta eka, nabifuumuula. Mumanyi ensonga? bw'ayogera Mukama ow'Eggye. Kubanga buli muntu afa ku nnyumba ye naye ennyumba yange mugigayaaliridde.

10 Eggulu kyerivudde liziyizibwa okuleeta omusulo, n'ettaka n'okuleeta ne litaleeta bibala byalyo.

11 Nasindika ekyeya ku nnimiro ne ku nsozi, ku mmere ey'empeke ne ku wayini omuggya, ku mafuta ne ku buli bibala eby'ettaka, ku bantu ne ku nsolo, ne ku mirimu gyonna egy'engalo."

12 Awo Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ne Yoswa mutabani wa Yekozadaaki, ye yali kabona asinga obukulu, n'abantu bonna abaasigalawo ne bagondera eddoboozi lya Mukama Katonda waabwe, n'obubaka bwa nnabbi Kaggayi, kubanga Mukama Katonda waabwe ye yamutuma. Abantu ne batya Mukama.

13 Awo Kaggayi omubaka wa Mukama n'ategeeza abantu obubaka obwava eri Mukama nti, "Ndi wamu nammwe," bw'ayogera Mukama.

14 Awo Mukama n'akubiriza omutima gwa Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ow'essaza lya Yuda, n'omutima gwa Yoswa mutabani wa Yekozadaaki, kabona asinga obukulu, n'emitima egy'abantu bonna abaasigalawo, ne bajja ne batandika omulimu ku nnyumba ya Mukama ow'Eggye, Katonda waabwe,

15 ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya mu mwezi ogw'omukaaga mu mwaka ogwokubiri ogw'okufuga kwa kabaka Daliyo.

# 2

### *Ekitiibwa Ekyasuubizibwa eky'Ennyumba Empya*

1 Awo ku lunaku olw'amakumi abiri mu olumu mu mwezi
ogw'omusanvu, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira nnabbi Kaggayi nti,
2 "Yogera ne Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ow'essaza lya Yuda
ne Yoswa mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu, n'abantu
abaasigalawo, obabuuze nti,
3 'Ani mu mmwe akyasigaddewo eyalaba ku kitiibwa ky'ennyumba eno?
Ebafaananira etya kaakano? Tebafaananira ng'eteriimu kaabuntu?
4 Kale nno guma omwoyo, ggwe Zerubbaberi, bw'ayogera MUKAMA;
guma omwoyo, ggwe Yoswa mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga
obukulu; mugume omwoyo mmwe mwenna abantu ab'omu nsi,'
bw'ayogera MUKAMA, 'Mukole, kubanga ndi wamu nammwe,' bw'ayogera
MUKAMA ow'Eggye.
5 'Kino kye nalagaana nammwe bwe mwali muva mu Misiri, ng'Omwoyo
wange anaabeeranga nammwe. Temutya.'
6 "Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Mu bbanga eritali
ly'ewala ndikankanya eggulu n'ensi, n'ennyanja n'olukalu.
7 Ndikankanya amawanga gonna, n'amawanga gonna ge njagala galijja,
ne nzijuza ennyumba eno ekitiibwa,' bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
8 'Effeeza yange, ne zaabu yange,' bw'ayogera MUKAMA ow'eggye.
9 'Ekitiibwa eky'ennyumba eriwo kaakano, kirisinga ekitiibwa ky'eri
eyasooka era mu kifo kino ndizzaawo emirembe,' bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye."

### *Okubuulirira n'Okusuubiza*

10 Awo ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya olw'omwezi
ogw'omwenda mu mwaka ogwokubiri ogw'okufuga kwa Daliyo, ekigambo
kya MUKAMA ne kijjira nnabbi Kaggayi nti,
11 "Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Buuza bakabona etteeka
kye ligamba.
12 Omuntu bw'asitulira ennyama eyatukuzibwa mu kirenge
eky'ekyambalo kye, ekirenge ne kikoma ku mugaati oba ku supu, oba ku
wayini, oba ku mafuta oba ku mmere endala yonna, bitukuzibwa?' "
Bakabona ne baddamu nti, "Nedda."
13 Awo Kaggayi n'abuuza nti, "Omuntu atali mulongoofu olw'omulambo,
bw'akoma ku bintu ebyo, bifuuka ebitali birongoofu?"
Bakabona ne baddamu nti, "Bifuuka ebitali birongoofu."
14 Kaggayi n'addamu nti, "Kale nno bwe batyo bwe bali abantu bano
n'eggwanga lino. Buli kye bakola ne buli kye bawaayo ng'ekiweebwayo,
si kirongoofu," bw'ayogera MUKAMA.
15 " 'Kale nno, mweddeko okuva ku lunaku lwa leero, mujjukire ebiseera
biri bwe byali, nga n'ejjinja erimu terinnateekebwa ku linnaalyo mu
yeekaalu ya MUKAMA.
16 Omuntu yenna bwe yatuukanga ku ntuumu eyandibadde ey'ebipimo
amakumi abiri, yassangawo ebipimo kkumi. Omuntu yenna bwe yala-
ganga mu ssogolero okusenamu lita amakumi ataano, yasangangamu
amakumi abiri.
17 Nakolimira emirimu gyonna egy'emikono gyammwe n'okugengewala
n'obukuku, n'omuzira, naye ne mutakyuka kudda gye ndi,' bw'ayogera
MUKAMA.

18 Okuva olunaku lwa leero, olw'amakumi abiri mu ennya mu mwezi
ogw'omwenda, mujjukire olunaku lwe baazimba omusingi gwa yeekaalu
ya MUKAMA. Mwebuuze nti,
19 Wakyaliwo ensigo eyasigala mu tterekero? Mulabe,
emiti gino egimenyeddwa, ogw'omuzabbibu n'ogw'omutiini,
n'ogw'omukomamawanga, n'ogw'omuzeeyituuni tegibalangako bibala.
" 'Naye okuva ne leero ndibawa omukisa.' "
20 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Kaggayi omulundi ogwokubiri
ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya olw'omwezi ogwo nga kigamba
nti,
21 "Tegeeza Zerubbaberi gavana wa Yuda nti ndikankanya eggulu n'ensi.
22 Ndisulika entebe ez'obwakabaka ne nzigyawo obuyinza
bw'obwakabaka obunnaggwanga. Ndiwamba amagaali n'abavuzi baago,
n'embalaasi na buli abazeebagala, balittibwa baganda baabwe.
23 " 'Ku lunaku olwo, ggwe omuweereza wange Zerubbaberi mutabani
wa Seyalutyeri, ndikufuula ng'akabonero, kubanga nkulonze,' bw'ayogera
MUKAMA ow'Eggye."

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Zekkaliya

### *MUKAMA Ayita Abantu be Okudda gy'ali*

1 Mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa kabaka Daliyo omufuzi w'e Buperusi mu mwezi ogw'omunaana, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Zekkaliya omwana wa Berekiya, omwana wa Iddo nnabbi, nga kigamba nti:
2 "MUKAMA yasunguwalira nnyo bajjajjammwe.
3 Naye kaakano mubagambe nti: Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA Katonda ow'eggye nti, 'Mudde gye ndi,' bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, 'nange nadda gye muli,' bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
4 Temuba nga bajjajjammwe, bannabbi ab'edda be baakoowoolanga nti, 'Muve mu makubo gammwe amabi, n'ebikolwa byammwe ebikyamu.' Naye tebampuliriza wadde okuŋŋondera, bw'ayogera MUKAMA.
5 Ye bajjajjammwe bali ludda wa? Ye bannabbi babeera balamu emirembe gyonna?
6 Ebigambo byange n'ebiragiro bye nalagira abaddu bange, bannabbi, eri bajjajjammwe tebyatuukirira?
"Ne balyoka beenenya ne bagamba nti, 'MUKAMA ow'Eggye bye yasuubiza okutukola olw'empisa zaffe embi n'ebikolwa byaffe ebitali bya butuukirivu, bw'atyo bw'atukoledde ddala.' "

### *Nnabbi Ayolesebwa Embalaasi*

7 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu ennya, mu mwezi ogw'ekkumi n'ogumu gwe bayita Sebati, mu mwaka ogwokubiri ogw'obufuzi bwa kabaka Daliyo, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Zekkaliya mutabani wa Berekiya, omwana wa Iddo nnabbi nga kigamba nti.
8 Nalaba ekiro ng'omusajja yeebagadde embalaasi emyufu era yali ayimiridde mu miti emikadasi mu kiwonvu. Emabega we waaliyo embalaasi endala, enjeru, n'eza kikuusikuusi, n'emyufu.
9 Awo ne mbuuza nti, "Mukama wange bino bitegeeza ki?" Malayika eyali ayogera nange n'aŋŋamba nti, "Nzija kukulaga kye bitegeeza."
10 Awo omusajja eyali ayimiridde mu miti n'addamu nti, "Ezo embalaasi MUKAMA z'asindise okulawuna ensi."
11 Ne ziddamu malayika wa MUKAMA eyali ayimiridde mu miti nti, "Tubunye ensi yonna, era laba ensi yonna esiriikiridde teriimu kanyego eteredde mirembe."
12 Awo malayika wa MUKAMA n'agamba nti, "Ayi MUKAMA ow'Eggye, olituusa ddi obutakwatirwa Yerusaalemi n'ebibuga bya Yuda kisa, by'osunguwalidde okumala emyaka ensanvu?"
13 MUKAMA n'alyoka addamu malayika eyali ayogera nange ebigambo ebirungi, ebigambo ebizzaamu amaanyi.
14 Awo malayika eyali ayogera nange n'agamba nti, "Langirira ogambe nti, Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Yerusaalemi ne Sayuuni mbikwatiririddwa obuggya obw'amaanyi,
15 naye nyiigidde nnyo amawanga agali mu mirembe, kubanga abantu bange nnali mbanyiigiddeko katono naye bo ne bababonyaabonyeza ddala.'

16 “Noolwekyo, bw’ati bw’ayogera MUKAMA nti, ‘Nkomyewo mu
Yerusaalemi n’ekisa. Ennyumba yange ne Yerusaalemi kyonna, bijja
kuzimbibwa,’ bw’ayogera MUKAMA Katonda ow’Eggye.
17 “Yogera n’eddoboozi ery’omwanguka nti, MUKAMA Katonda ow’Eggye
alangiridde nti, ‘Ebibuga byange bijja kuddamu okukulukuta obugagga,
era MUKAMA alizzaamu Sayuuni amaanyi, ne yeeroboza Yerusaalemi.’ ”
18 Awo ne nnyimusa amaaso gange, era laba, ne ndaba amayembe ana.
19 Malayika eyali ayogera nange ne mubuuza nti, “Amayembe ago
gategeeza ki?”

N’anziramu nti, “Gategeeza obuyinza obwasaasaanya abantu ab’omu
Yuda, n’ab’omu Isirayiri, n’ab’omu Yerusaalemi.”
20 Awo MUKAMA n’andaga abaweesi bana.
21 Ne mbuuza nti, “Abo bazze kukola ki?”

N’addamu nti, “Ago amayembe, bwe buyinza obwasaasaanya Yuda nga tewali na muntu ayimusa mutwe gwe; naye abaweesi abana bazze okubatiisa era n’okubazikiriza, ago amawanga agaasitukira ku nsi ya Yuda okusaasaanya abantu baamu.”

# 2

### *Okwolesebwa Olukoba Olupima*

1 Awo ne nnyimusa amaaso gange, ne ndaba, omusajja ng’alina mu
mukono gwe olukoba olupima.
2 Ne mubuuza nti, “Ogenda wa?”

Nanziramu nti, “Ŋŋenda kupima Yerusaalemi okulaba obuwanvu n’obugazi bwakyo.”

3 Awo malayika eyali ayogera nange n’agenda, malayika omulala
n’amusisinkana.
4 N’amugamba nti, “Dduka ogambe omuvubuka oyo nti, ‘Yerusaalemi
kijja kuba ekibuga ekitaliiko bbugwe olw’obungi bw’abantu n’ebisibo
ebinaabeeramu.
5 Nze ndiba bbugwe ow’omuliro, okukyebungulula enjuuyi zonna era
nze ndiba ekitiibwa kyakyo mu kyo,’ bw’ayogera MUKAMA.
6 “Kale mudduke, mudduke ensi ey’obukiikakkono mugiveemu,”
bw’ayogera MUKAMA, “kubanga mbasaasanyizza ng’empewo ennya
ez’eggulu bwe ziri,” bw’ayogera MUKAMA.
7 “Mmwe Sayuuni mudduke, mudukke muwone mmwe ababeera mu
buwaŋŋanguse mu Babulooni.”
8 Kubanga bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye nti, “MUKAMA
nga bw’ampadde ekitiibwa n’antuma eri amawanga agaabanyaganga,
anaabakwatako anaaba akutte ku mmunye ya liiso lye.
9 Kubanga laba ndyolesa omukono gwange gye bali, abaddu baabwe ne
babanyaga. Olwo lwe mulimanya nga MUKAMA ow’Eggye ye yantuma.
10 “Yimba, osanyuke ggwe muwala wa Sayuuni, kubanga laba nzija era
ndibeera wakati mu mmwe,” bw’ayogera MUKAMA.
11 “Era amawanga mangi galyegatta ku MUKAMA ku lunaku olwo, era
balibeera bantu bange, era nange nnaabeeranga wakati mu ggwe, naawe
onootegeera nga MUKAMA ow’Eggye ye yantuma gy’oli.
12 Era Yuda aliba mugabo gwa MUKAMA mu nsi entukuvu, era aliddamu
okwerondera Yerusaalemi.
13 Musiriikirire, abantu mwenna mu maaso ga MUKAMA, kubanga asituse
okuva mu kifo kye ekitukuvu.”

# 3

*Okwolesebwa kwa Nnabbi Ku Kabona Asinga Obukulu*

1 Awo n'anjolesa Yoswa, kabona asinga obukulu, ng'ayimiridde mu
maaso ga malayika wa MUKAMA, ne Setaani ng'ayimiridde ku mukono gwe
ogwa ddyo okumulumiriza.
2 MUKAMA n'agamba Setaani nti, "MUKAMA akunenye ggwe Setaani,
weewaawo MUKAMA eyeerondedde Yerusaalemi akunenye! Omusajja ono
si kisiki ekyaka ekigibbwa mu muliro?"
3 Awo Yoswa yali ayimiridde mu maaso ga malayika ng'ayambadde
ebyambalo ebijjudde ekko.
4 Malayika n'agamba abaali bayimiridde mu maaso ge nti,
"Mumwambulemu ebyambalo bye ebijjudde ekko."
N'agamba Yoswa nti, "Laba nkuggyeeko ekibi kyo, era nnaakwambaza
ebyambalo eby'omuwendo."
5 Ne njogera nti, "Mumusibe ekiremba ekitukula ku mutwe gwe." Awo
ne bamusiba ekiremba ekitukula ku mutwe, ne bamwambaza n'engoye,
nga malayika wa MUKAMA ayimiridde awo.
6 Malayika wa MUKAMA n'akuutira nnyo Yoswa ng'ayogera nti,
7 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Bw'onootambuliranga mu
makubo gange, era noonywezanga bye nkukuutira, kale, onoofuganga
ennyumba yange era onoolamulanga mu mbuga zange, era ndikuwa ekifo
obeere mu abo abayimiridde wano.
8 " 'Kale wulira, Yoswa kabona asinga obukulu, ggwe ne banno abatuula
mu maaso go, abantu kw'otegeerera eby'omu maaso, laba ndireeta
omuweereza wange, ye Ttabi.
9 Kubanga laba, ku jjinja lye ntadde mu maaso ga Yoswa, ku jjinja erimu
eririna amaaso omusanvu, laba nditeekako ebiwandiiko,' bw'ayogera
MUKAMA ow'Eggye. 'Mu lunaku lumu ndiggyawo ekibi ky'ensi eno.
10 " 'Ku lunaku luli, buli omu ku mmwe, aliyita muliraanwa we okutu-
ulako wansi w'omuzabbibu gwe ne wansi w'omutiini gwe,' bw'ayogera
MUKAMA ow'Eggye."

# 4

*Okwolesebwa kwa Nnabbi ku Kikondo ky'Ettaala ekya Zaabu n'Emiti Emizeeyituuni Ebiri*

1 Awo malayika eyali ayogera nange n'akomawo, n'anzuukusa
ng'omuntu bw'azuukusibwa mu tulo.
2 N'ambuuza nti, "Kiki ky'olaba?"
Ne muddamu nti, "Ndaba ekikondo ky'ettaala nga kyonna kya zaabu,
nga waggulu kiriko n'akabakuli kaakwo, n'ettaala zaakwo omusanvu, nga
buli ttaala eriko omumwa gwayo.
3 Era waliwo emiti emizeeyituuni ebiri ku mabbali gaakyo, ogumu ku
mukono ogwa ddyo ogw'akabakuli, n'omulala ku mukono ogwa kkono."
4 Ne mbuuza malayika eyali ayogera nange nti, "Bino biki mukama
wange?"
5 Malayika eyali ayogera nange n'addamu n'aŋŋamba nti, "Tobimanyi?"
Ne muddamu nti, "Nedda mukama wange."
6 Awo n'addamu n'aŋŋamba nti, "Kino kye kigambo kya MUKAMA eri
Zerubbaberi: 'Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa Mwoyo wange,'
bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.

7 “Ggwe olusozi olunene weyita ki? Mu maaso ga Zerubbaberi olibeera lusenyi, era alireeta ejjinja erya waggulu mu mizira n’okwogerera mu ddoboozi ery’omwanguka ng’agamba nti, ‘Liweebwe omukisa, liweebwe omukisa!’ ”

8 Awo ekigambo kya MUKAMA ne kinzijira nga kyogera nti,

9 “Emikono gya Zerubbaberi gitaddewo omusingi gwa yeekaalu eno era girigumaliriza, era olitegeera nti MUKAMA ow’Eggye ye yantuma gye muli.

10 “Ani anyooma olunaku olw’ebintu ebitono? Abantu balijaguza, bwe baliraba ejjinja erigera mu mukono gwa Zerubbaberi. Gano omusanvu ge maaso ga Katonda agayitaayita mu nsi yonna.”

11 Ne ndyoka mubuuza nti, “Emizeeyituuni gino ebiri ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono ogw’ekikondo ky’ettabaaza, gitegeeza ki?”

12 Ne nnyongera okumubuuza nti, “Gano amatabi abiri ag’emizeeyituuni agaliraanye emidumu gya zaabu ge gayitamu amafuta aga zaabu?”

13 N’anziramu nti, “Tobimanyi?”

Ne njogera nti, “Nedda, mukama wange.”

14 Awo n’addamu nti, “Abo be babiri abaafukibwako amafuta abaweereza Mukama ow’ensi yonna.”

# 5

### *Okwolesebwa kw’Omuzingo Ogubuuka*

1 Awo ne nnyimusa amaaso gange era laba ne ndaba, omuzingo gw’ekitabo ogutambulira mu bbanga.

2 N’ambuuza nti, “Kiki ky’olaba?”

Ne nziramu nti, “Ndaba omuzingo gw’ekitabo ogutambulira mu bbanga, obuwanvu bwagwo buli mita mwenda n’obugazi bwagwo buli mita nnya ne desimoolo ttaano.”

3 Awo n’alyoka aŋŋamba nti, “Ekyo ky’ekikolimo ekizze okubuna ensi yonna, kubanga buli muntu yenna abba aliggyibwawo era buli muntu yenna alayiririra obwereere aliggyibwawo, bamutwale ku luuyi olulala.

4 Bw’ati bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, ‘Ndikifulumya, era ndikiyingiza mu nnyumba y’omubbi ne mu nnyumba y’oyo alayiririra obwereere erinnya lyange. Era kirisigala mu nnyumba ye wakati, era kirigizikiriza yonna, emiti gyayo n’amayinja gaayo.’ ”

### *Okwolesebwa kw’Omukazi mu Kisero*

5 Malayika eyali ayogera nange n’akomawo n’aŋŋamba nti, “Yimusa amaaso go olabe, waliwo ekintu ekirala ekizze.”

6 Ne mubuuza nti, “Kiki ekyo?”

N’anziramu nti, “Ekyo kisero, kye kifuluma.” Era n’ayongerako nti, “Ekyo kye kifaananyi ekiraga ekibi ekibunye ensi yonna.”

7 Awo ekibikka kyakyo, ekyuma eky’essasi ne kibikkulwa era ne ndaba omukazi ng’akituddemu.

8 Malayika n’aŋŋamba nti, “Buno bwe bwonoonyi.” N’amusindika n’amuzza munda mu kisero, n’aggalawo omumwa gwakyo n’ekisaanikira eky’ekyuma eky’essasi.

9 Ne ndyoka nnyimusa amaaso gange, era laba, abakazi babiri nga bajja gye ndi, baali batambulira mu bbanga nga bakozesa empewo mu biwaawaatiro byabwe. Era ebiwaawaatiro byabwe nga biri ng’ebya kalooli, ne basitula ekisero mu bbanga wakati w’ensi n’eggulu.

10 Ne mbuuza malayika eyali ayogera nange nti, “Abo ekisero bakitwala wa?”

11 N'anziramu nti, "Mu nsi ya Sinaali ey'e Babulooni, okuzimba
ennyumba y'omukazi ali mu kisero, era ennyumba ye bw'eriggwa,
aliteekebwa eyo mu kifo kye."

# 6

*Okwolesebwa kw'Amagaali Ana*

1 Ne nyongera okuyimusa amaaso gange, era laba, amagaali g'embalaasi
ana nga gava wakati w'ensozi bbiri, n'ensozi ezo zaali nsozi za bikomo.
2 Eggaali esooka ng'esikibwa embalaasi za lukunyu, eyookubiri nga
nzirugavu.
3 Eggaali eyokusatu ng'esikibwa mbalaasi njeru, eyokuna yo ng'esikibwa
za kikuusikuusi atabikiddwamu n'obwoya obweru. Embalaasi ezo zonna
zaali z'amaanyi.
4 Ne ndyoka mbuuza malayika eyali ayogera nange nti, "Bino bitegeeza
ki mukama wange?"
5 Malayika n'anziramu nti, "Ezo z'empewo ennya ez'omu ggulu; ziva
kweyanjula mu maaso ga Mukama ow'ensi yonna.
6 Ekigaali eky'embalaasi enzirugavu kigenda mu nsi ey'omu buki-
ikakkono, ate ekyo eky'enjeru mu bugwanjuba, ekyo ekyali kisikibwa
embalaasi ez'obwoya obweru, kiraga mu nsi ey'omu bukiikaddyo."
7 Awo embalaasi ezo ez'amaanyi nga zivudde mu maaso ga MUKAMA,
ne zifuba okutambulatambula mu nsi yonna; n'azigamba nti, "Mugende,
mutambuletambule mu nsi yonna." Awo ne zitambulatambula mu nsi
yonna.
8 Awo n'ampita n'aŋŋamba nti, "Laba, ezo eziraga mu nsi
ey'obukiikakkono ziwummuzza Omwoyo wange mu nsi ey'omu
bukiikakkono."
9 Ekigambo kya MUKAMA ne kijja gye ndi nga kigamba nti,
10 "Genda eri bano: Kerudayi, ne Tobiya, ne Yedaya, abaakomawo okuva
mu buwaŋŋanguse mu Babulooni, olunaku olwo lwennyini olage mu
nnyumba ya Yosiya, mutabani wa Zeffaniya, mwe bali.
11 Ddira effeeza ne zaabu okole engule ogitikkire ku mutwe gwa Yoswa,
kabona asinga obukulu, omwana wa Yekozadaaki.
12 Mugambe nti, bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Laba omuntu
erinnya lye ye Ttabi; alirokera mu kifo kye, azimbe yeekaalu ya MUKAMA.
13 Oyo y'alizimba yeekaalu ya MUKAMA, era alijjula ekitiibwa. Alituula
ku ntebe ye ey'obwakabaka, n'afuga. Era y'aliba Kabona ku ntebe ye
ey'obwakabaka; walibaawo okutegeeragana okw'emirembe wakati wa
Ttabi ne Yoswa.'
14 Era n'engule ya kubeera mu yeekaalu ya MUKAMA ng'ekijjukizo eri
Keremu, ne Tobiya ne Keeni omwana wa Zeffaniya.
15 Era n'abo abali ewala balijja okuyamba okuzimba yeekaalu ya
MUKAMA, era mulimanya nga MUKAMA ow'Eggye yantuma gye muli. Bino
tebirirema kubaawo singa munaagondera eddoboozi lya MUKAMA Katonda
wammwe n'obumalirivu."

# 7

*MUKAMA Avumirira Okusiiba okw'Obulimba*

1 Awo olwatuuka mu mwaka ogwokuna ogw'obufuzi bwa kabaka
Daliyo, ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Zekkaliya, ku lunaku olwokuna
olw'omwezi ogw'omwenda oguyitibwa Kisuleevu.

2 Abayudaaya mu Beseri baali batumye Salezeeri omukungu wa kabaka ne Legemumereki n'abantu baabwe mu Yerusaalemi okwogerako ne bakabona babegayiririre eri MUKAMA,
3 n'okusaba bakabona b'omu nnyumba ya MUKAMA ow'Eggye ne bannabbi nti, "Nkaabe era nsiibe mu mwezi ogwokutaano nga bwe mbadde nkola okumala emyaka gino gyonna?"
4 Awo ekigambo kya MUKAMA ow'Eggye ne kinzijira nga kigamba nti,
5 "Gamba abantu bonna abali mu nsi, ne bakabona nti, 'Bwe mwasiiba ne mukungubaga mu mwezi ogwokutaano ne mu gw'omusanvu mu myaka gino ensanvu, mwali musiibira nze?
6 Era bwe mulya ne munywa, muba temulya ku lwammwe era n'okunywa ku lwammwe?
7 Bino si bye bigambo MUKAMA bye yalangirira mu bannabbi ab'edda, Yerusaalemi bwe kyali kikyalimu abantu era nga kikyakulaakulana, nga n'ebibuga byakyo bikyetoolodde, nga ne mu bukiikaddyo ne mu bitundu eby'ensenyi mukyalimu abantu?' "
8 Ekigambo kya MUKAMA ne kijjira Zekkaliya nate nti,
9 "Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, 'Musalenga emisango egy'ensonga, mukwatirweganenga ekisa n'okusaasiragananga buli muntu eri muganda we.
10 Temutulugunyanga bannamwandu, n'abatalina bakitaabwe, n'abatambuze wadde abaavu, era tewateekwa kubaawo muntu n'omu ku mmwe alowooza mu mutima gwe okukola obulabe ku muganda we!'
11 "Naye baagaana okuwuliriza ne bakakanyaza emitima gyabwe ne baziba n'amatu gaabwe baleme okuwulira.
12 Ne bakakanyaza emitima gyabwe ng'ejjinja, ne batawuliriza mateeka wadde ebigambo MUKAMA ow'Eggye bye yaweereza n'Omwoyo we mu mukono gwa bannabbi ab'edda. MUKAMA ow'Eggye kyeyava abanyiigira ennyo.
13 " 'Bwe nabakoowoola ne batafaayo, nange ne ŋŋaana okufaayo nga bankowodde,' bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
14 Era nabasaasaanya n'omuyaga ogukunta mu mawanga ge baali batamanyi. Ensi gye baaleka n'ebeera matongo nga tewali agibeeramu, ensi ennungi esanyusa, kyeyava efuuka eddungu."

# 8

### *MUKAMA Asuubiza Okuzzaawo Yerusaalemi*

1 Ekigambo kya MUKAMA ow'Eggye ne kinzijira nate nti:
2 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Nkwatirwa Sayuuni obuggya, obuggya obungi obw'ekitalo."
3 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, "Ndikomawo mu Sayuuni, ndibeera wakati mu Yerusaalemi era Yerusaalemi kiriyitibwa ekibuga ekyesigwa, olusozi olwa MUKAMA ow'Eggye, Olusozi Olutukuvu."
4 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Abakadde abasajja n'abakazi bajja kuddamu okutuula mu nguudo za Yerusaalemi, nga buli omu akutte omuggo, olw'obukadde.
5 N'enguudo ez'ekibuga zirijjula abalenzi n'abawala nga bazannya."
6 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Kirirabika ng'eky'ekitalo mu maaso g'abantu abo abaasigalawo mu nnaku ezo, naye nange gye ndi bwe kiriba?" bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.

7 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Laba ndirokola abantu bange abali mu nsi ey'Ebuvanjuba n'abali mu nsi ey'Ebugwanjuba:
8 Ndibakomyawo, babeere mu Yerusaalemi, nange nnaabeeranga Katonda waabwe mu bwesigwa ne mu butuukirivu."

9 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Emikono gyammwe gibe n'amaanyi, mmwe, mu nnaku zino ababadde bawulira ebigambo bino ebiva mu kamwa ka bannabbi abaaliwo mu nnaku okuva omusingi gw'ennyumba ya MUKAMA ow'Eggye lwe gwasimbibwa, yeekaalu ye eryoke ezimbibwe.
10 Ekiseera ekyo nga tekinnatuuka, tewaali asobola kutoola nsimbi okupangisa omuntu wadde okupangisa ensolo. Era tewaali muntu ayinza kukola mirimu gye mu mirembe olw'omulabe we, kubanga buli muntu nnali mufudde mulabe wa muliraanwa we.
11 Naye kaakano abantu bano abaasigalawo sijja kubakola nga mu nnaku ezaayita," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.

12 "Kubanga ensigo erikula bulungi, n'omuzabbibu gubale ekibala kyagwo, n'ettaka lireetenga ekimera kyalyo, n'eggulu lireetenga omusulo gwalyo. Nange abantu bange abaasigalawo ndibawa ebintu ebyo byonna nga gwe mugabo gwabwe.
13 Nga bwe mwali ekikolimo mu baamawanga, ggwe ennyumba ya Yuda, naawe ennyumba ya Isirayiri, bwe ntyo bwe ndibalokola, era mulibeera omukisa eri abalala. Temutya, munywere emikono gyammwe gibe n'amaanyi."

14 Kubanga bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Nga bwe nasalawo okubabonereza, bajjajjammwe bwe bansunguwaza," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, "era ne sibasaasira,
15 bwe ntyo nate bwe nsazeewo kaakano mu nnaku zino okukola obulungi Yerusaalemi n'ennyumba ya Yuda. Temutya.
16 Bino bye bintu bye munaakolanga: buli muntu ayogerenga bya mazima ne muntu munne, musalenga emisango mu bwenkanya mu mpya zammwe;
17 tosaliranga muliraanwa wo lukwe. So tolayiranga bya bulimba, kubanga ebyo byonna mbikyawa," bw'ayogera MUKAMA.

18 Ekigambo kya MUKAMA ow'Eggye ne kinzijira nate nti:

19 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Okusiiba omwezi ogwokuna, n'ogwokutaano, n'ogw'omusanvu, n'ogw'ekkumi kunaabeeranga mbaga ey'essanyu era n'okwesiima mu nnyumba ya Yuda. Noolwekyo mwagalenga amazima n'emirembe."

20 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Amawanga mangi n'abantu bangi abalijja okuva mu bibuga bingi era n'okuva mu nsi nnyingi;
21 era ab'ekibuga ekimu baliraga mu kibuga ekirala babagambe nti, 'Tugende mangu twegayiririre MUKAMA, tunoonye amaaso ga MUKAMA ow'Eggye. Nze kennyini ŋŋenda.'
22 Abantu bangi n'amawanga mangi ag'amaanyi galijja okunoonya MUKAMA ow'Eggye mu Yerusaalemi n'okwegayirira MUKAMA."

23 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye nti, "Mu nnaku ezo abasajja kkumi okuva mu buli lulimi olwogerwa mu mawanga balyekwata ku kyambalo ky'Omuyudaaya bagambe nti, 'Muleke tugende nammwe kubanga twawulira nga Katonda ali nammwe.' "

# 9

1 Ekigambo kya Katonda kyolekedde ensi ya Kadulaki
era kirituuka e Ddamasiko.
Kubanga abantu bonna n'ebika byonna ebya Isirayiri
batunuulidde MUKAMA,
2 era ne Kamasi ekiriraanyeewo nakyo bwe kityo,
ne Ttuulo ne Sidoni wadde nga birina amagezi mangi.
3 Ttuulo kyezimbira ekigo
ne kituuma ffeeza n'eba ng'enfuufu,
ne zaabu n'eba nnyingi ng'ettaka ery'omu kkubo.
4 Laba, Mukama alikyambulako ebintu byakyo,
alizikiriza amaanyi gaakyo ag'oku nnyanja,
era kiryokebwa omuliro.
5 Asukulooni bino kiribiraba ne kitya;
ne Gaza bwe kityo kiribeera mu kulumwa okw'amaanyi.
Era n'essuubi lya Ekuloni liriggwaawo;
Gaza aliggyibwako kabaka we,
ne Asukulooni tekiribaamu bantu.
6 Abagwira balitwala Asudodi,
era n'amalala g'Abafirisuuti ndigamalawo.
7 Era ndiggya omusaayi mu kamwa ke
n'emmere ey'omuzizo okuva wakati mu mannyo ge.
N'abo bonna abalisigalawo mu kyo baliba bantu ba Katonda waffe,
balifuuka bakulembeze mu Yuda,
ne Ekuloni kiriba nga Abayebusi.
8 Naye ndirwanirira ennyumba yange
eri eggye eddumbaganyi,
so tewaliba mulumbaganyi aliddayo kujooga bantu bange
kubanga kaakano mbalabirira.
9 Sanyuka nnyo ggwe omuwala wa Sayuuni:
leekaana nnyo, ggwe omuwala wa Yerusaalemi;
laba, kabaka wo ajja gy'oli;
mutuukirivu era muwanguzi;
muwombeefu era yeebagadde endogoyi,
endogoyi ento, omwana gw'endogoyi.
10 Efulayimu ndimuggyako amagaali,
ne Yerusaalemi muggyeko embalaasi ennwanyi,
n'omutego gw'obusaale gulimenyebwa
era alireeta emirembe mu mawanga,
n'obufuzi bwe buliva ku nnyanja emu butuuke ku nnyanja endala
era buve ku mugga Fulaati butuuke ku nkomerero z'ensi.
11 Naawe ggwe, olw'omusaayi gw'endagaano gye nakola naawe,
ndisumulula abasibe bo okuva mu bunnya obutaliimu mazzi.
12 Mudde mu nkambi yammwe mmwe abasibe abalina essuubi;
nangirira leero nti ndibadizaawo emirundi ebiri.
13 Yuda ndigiweta ng'omutego ogw'obusaale
ngujjuze Efulayimu.
Ndiyimusa batabani ba Sayuuni,
balwane n'abaana bo, ggwe Buyonaani,
mbakozese ng'ekitala eky'omutabaazi.

14 Era MUKAMA alirabika ng'ali waggulu waabwe,

akasaale ke kamyanse ng’okumyansa kw’eggulu.
MUKAMA Katonda alifuuwa ekkondeere,
n’akumbira mu muyaga ogw’omu bukiikaddyo.
15 MUKAMA ow’Eggye alibakuuma.
Balirinnyirira ne bawangula envuumuulo,
balinywa ne baleekaana ng’abatamiivu.
Balijjula ng’ekibya ekikozesebwa okumansira ku nsonda z’ekyoto.
16 Ku lunaku olwo MUKAMA Katonda alirokola abantu be
ng’omusumba bw’alokola ekisibo ky’endiga ze.
Balitangalijja mu nsi ye,
ng’amayinja ag’omuwendo bwe gatemagana mu ngule.
17 Nga baliba balungi era abatuukirivu!
Emmere ey’empeke erireetera abavubuka abalenzi obulamu obweyagaza,
n’abawala nabo beeyagale olwa wayini omuggya.

# 10

### *MUKAMA Alirabirira Yuda*

1 Musabe MUKAMA enkuba mu biseera byayo;
kubanga MUKAMA y’akola ebire
enkuba n’etonnya,
olwo buli muntu n’afuna ebirime.
2 Kubanga bakatonda abalala
n’abalaguzi balaba okwolesebwa okw’obulimba;
ne baloota ebirooto eby’obulimba,
ne bagumya abantu eby’obulimba.
Abantu kyebava bazuŋŋana ng’endiga,
nga banyigirizibwa olw’obutaba na musumba.
3 “Obusungu bwange bubuubuukidde ku basumba
era nzija kubonereza abakulembeze ba Yuda,
kubanga MUKAMA ow’Eggye ajja
kulabirira endiga ze, ennyumba ya Yuda,
era alibafuula ng’embalaasi ye emwenyumiririzaamu ennyo mu lutalo.
4 Mu Yuda mulivaamu ejjinja ery’oku nsonda,
muveemu n’enkondo enyweza weema,
muveemu n’omutego ogw’akasaale
era muveemu na buli mufuzi yenna.
5 Bonna awamu balyoke babe ng’abasajja abazira ennyo mu lutalo
abatambulira mu bitoomi by’omu nguudo mu biseera eby’entalo.
Kubanga MUKAMA ali nabo,
balirwana ne bawangula eggye eryebagadde embalaasi.

6 “Ndiwa ennyumba ya Yuda amaanyi
era ndiwonya ennyumba ya Yusufu,
ndibakomyawo
kubanga mbakwatiddwa ekisa.
Balibeera
nga be sseegaanangako
era ndibawulira
kubanga nze MUKAMA Katonda waabwe.
7 Olwo aba Efulayimu baliba ng’abasajja ab’amaanyi,

emitima gyabwe ne gisanyuka nnyo ng'abanywedde wayini.
Abaana baabwe balikiraba ne basanyuka,
omutima gwabwe gulisanyukira mu MUKAMA.
8 Ddala ndibawonya
ne mbakuŋŋaanya.
Ddala ndibanunula,
baddeyo babeere bangi nga bwe baabanga.
9 Newaakubadde nga nabasaasaanyiza mu mawanga,
naye balisinzira eyo mu nsi ezeewala ne banzijukira.
Bo n'abaana baabwe baliba balamu
era ne bakomawo gye ndi.
10 Ndibakomyawo okuva mu Misiri,
mbakuŋŋaanye okuva mu Bwasuli.
Ndibaleeta mu Gireyaadi ne Lebanooni
ne bajjula ensi ezo ne watasigalawo kabanga ka kubeeramu.
11 Baliyita mu nnyanja ey'okubonaabona;
ennyanja ewuluguma erikkakkanyizibwa,
n'obuziba bwa Kiyira bwonna bulikala.
Amalala ga Bwasuli galibaggwaamu
n'omugo ogw'obufuzi bwa Misiri gulimenyebwa.
12 Ndibafuula ba maanyi mu MUKAMA
era nabo balitambulira mu linnya lyange,"
bw'ayogera MUKAMA.

# 11

1 Ggulawo enzigi zo ggwe Lebanooni,
omuliro gwokye emivule gyo.
2 Kaaba ggwe omuberosi, kubanga emivule gigudde!
Emiti emirungi ennyo gyonoonese.
Mukube ebiwoobe mmwe emyera gya Basani,
kubanga ekibira ekikwafu kigudde.
3 Wuliriza ebiwoobe by'abasumba,
amalundiro gaabwe amalungi gazikirizibbwa.
Wuliriza okuwuluguma kw'empologoma.
Omuddo omulungi oguli ku Yoludaani guzikirizibbwa.

### *Abasumba Ababiri*

4 Bw'ati bw'ayogera MUKAMA Katonda wange nti, "Lunda endiga zigejje
ezinaatwalibwa okuttibwa.
5 Abo abazigula bazitta ne batabaako musango. N'abo abazitunda ne
bagamba nti, 'MUKAMA atenderezebwe ngaggawadde!' Abasumba baazo
bennyini tebazikwatirwa kisa.
6 Kubanga sikyaddayo kukwatirwa bantu ba nsi eno kisa," bw'ayogera
MUKAMA. "Ndiwaayo buli muntu okugwa mu mikono gya muliraanwa we,
ne mu mikono gya kabaka we. Nabo balijooga ensi era sirigiwonya kuva
mu mikono gwabwe."
7 Awo ne nunda ekisibo ekyateekebwateekebwa okuttibwa, okusingira
ddala ezaali zijoogebwa. Ne ntwala emiggo gy'abasumba ebiri, ogumu
ne ngutuuma erinnya Kisa, omulala ne ngutuuma Kwegatta era ne ndiisa
endiga.
8 Mu mwezi gumu ne neegobako abasumba basatu, emmeeme yange
ng'ebakyaye era nabo nga bankyaye.

9 Awo ne ndyoka ŋŋamba nti, “Siibeere musumba wammwe, ekinaafa
leka kife, ekyokwonooneka kyonooneke, era leka ebyo ebisigaddewo
biryaŋŋane, buli kimu kirye kinnaakyo.”
10 Ne ndyoka nkwata omuggo gwange Kisa ne ngumenya, ne mmenya
endagaano gye nnali nkoze n'abantu bonna.
11 Endagaano n'agikomya ku lunaku olwo era abasuubuzi b'endiga
abaali bandaba ne bamanya nti ekyo kyali kigambo kya Katonda.
12 Ne ndyoka mbagamba nti, “Bwe kiba nga kisaanidde mu maaso
gammwe mumpe empeera yange; naye obanga temusiimye mulekeeyo.”
Awo ne bambalira ensimbi eza ffeeza amakumi asatu.
13 Awo MUKAMA n'aŋŋamba nti, “Zisuulire omububumbi,” omuwendo
guno ogw'ekitalo gwe bansasula! Kale ne ntwala ensimbi amakumi asatu
eza ffeeza ne nzisuulira omububumbi mu nnyumba ya MUKAMA.
14 Awo ne mmenya omuggo gwange ogwokubiri Kwegatta, okulaga nti
obumu obwali wakati wa Yuda ne Isirayiri bwali bukomye.
15 MUKAMA n'alyoka aŋŋamba nti, “Twala nate ebintu eby'omusumba
omusirusiru bye yandikozesezza.
16 Kubanga laba, nze nyimusizza omusumba mu nsi atafaayo ku ndiga
ezizikirira era atanoonya zisaasaanye, era atayunga zimenyese wadde
okuliisa ennamu, naye alya ensolo ensava ng'aziyuzaako ebinuulo.
17 “ ‘Zimusanze omusumba wange ataliiko ky'agasa
agayaalirira ekisibo!
Ekitala kifumite omukono gwe ogwa ddyo, kiggyemu n'eriiso lye erya
ddyo!
Omukono gwe gukalire ddala,
n'eriiso lye erya ddyo lizibire ddala!' ”

# 12

*Okununulibwa kwa Yerusaalemi Okujja*

1 Kino ky'ekigambo kya Katonda ekikwata ku Isirayiri. Bw'ati
bw'ayogera MUKAMA eyabamba eggulu era n'assaawo emisingi gy'ensi,
era n'akola n'omwoyo gw'omuntu ogumulimu.
2 “Laba ŋŋenda okufuula Yerusaalemi ekikompe ekitagaza amawanga
gonna ageetoolodde enjuuyi zonna. Yuda awamu ne Yerusaalemi birizin-
gizibwa.
3 Awo ku lunaku olwo ndifuula Yerusaalemi ejjinja erizitowa eri
amawanga gonna, ag'ensi agalikuŋŋaana okukizingiza. Abo bonna
abaligezaako okuliggyawo, balyetusaako ebisago.
4 Ku lunaku olwo, bw'ayogera MUKAMA, ndikuba buli mbalaasi na buli
muvuzi waayo ndimusuula eddalu. Ndikuuma ennyumba ya Yuda kyokka
amaaso g'embalaasi za bannaggwanga ndigaziba.
5 Awo abakulembeze ba Yuda baligamba mu mitima gyabwe nti, ‘Abantu
b'omu Yerusaalemi ba maanyi, kubanga MUKAMA Katonda ow'Eggye ye
Katonda waabwe.'
6 “Ku lunaku olwo ndifuula abakulembeze ya Yuda ng'ogusigiri ogwaka
ogwetooloddwa enku, ng'olumuli olw'omuliro mu makkati g'ebinywa.
Balimalawo amawanga gonna ag'oku njuyi zonna, olw'oku kkono
n'olw'oku ddyo; naye Yerusaalemi kirisigalawo, n'abantu baakyo mu kifo
kyakyo awatali kunyeenyezebwa.
7 “MUKAMA alisooka kununula weema za Yuda, ekitiibwa ky'ennyumba
ya Dawudi, n'ekitiibwa ky'abatuuze b'omu Yerusaalemi kireme kusukka
ku kya Yuda.

8 Ku lunaku olwo MUKAMA aliteeka obukuumi ku batuuze b'omu
Yerusaalemi; abo abasembayo obunafu ku lunaku olwo babeere nga
Dawudi, era ennyumba ya Dawudi ebeere ng'ennyumba ya Katonda, nga
malayika wa MUKAMA abakulembeddemu.
9 Ku lunaku olwo ndizikiriza amawanga gonna agalumba Yerusaalemi.
10 "Era ndifuka ku nnyumba ya Dawudi era ku batuuze ba Yerusaalemi
Omwoyo ow'ekisa n'okwegayirira. Balintunuulira nze gwe baafumita: era
balimukungubagira ng'omuntu bw'akungubagira omwana we omu yekka,
era balimulumirwa nnyo omwoyo ng'omuntu bw'alumirwa mutabani we
omubereberye.
11 Ku lunaku olwo okukuba ebiwoobe kuliyitirira mu Yerusaalemi
okwenkana ng'okwa Kadadulimmoni mu kiwonvu Megiddoni.
12 Ensi erikungubaga, buli kika kyokka; ekika eky'ennyumba ya Dawudi
ne bakazi baabwe kyokka, n'ekika ky'ennyumba ya Nasani ne bakazi
baabwe bokka;
13 Ekika eky'ennyumba ya Leevi ne bakazi baabwe, n'ekika kya Simeeyi
ne bakazi baabwe;
14 n'ebika byonna ebirala ebisigaddeyo ne bakazi baabwe.

# 13

1 "Ku lunaku olwo ensulo z'amazzi ziriggulirwa ennyumba ya Dawudi
n'abatuuze b'omu Yerusaalemi okubatukuza okuva mu kibi n'obutali
bulongoofu.
2 "Ku lunaku olwo, ndiggya amannya ga bakatonda abalala okuva mu
nsi, galeme kuddayo kujjukirwa, era nzigye bannabbi n'omwoyo ogutali
mulongoofu mu nsi," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
3 Era singa omuntu yenna awa obunnabbi, kitaawe ne nnyina aba-
muzaala bennyini balimugamba nti, "Oteekwa kufa kubanga oyogedde
eby'obulimba mu linnya lya MUKAMA." Bw'aliwa obunnabbi, bakadde be
bennyini bamufumitanga.
4 "Ku lunaku olwo buli nnabbi alikwatibwa ensonyi olw'okwolesebwa
kwe okw'obulimba; era tebalyambala kyambalo kyabwe eky'ebyoya
okulimba abantu.
5 Aligamba nti, 'Siri nnabbi nze, ndi mulimi bulimi; era mu nnimiro
mwe nkoledde emirimu gyange obulamu bwange bwonna.'
6 Era singa omuntu bamubuuza nti, 'Ate bino ebiwundu ebiri ku mubiri
gwo bya ki?' Aliddamu nti, 'Ebiwundu n'abifunira mu nnyumba ya
mikwano gyange.' "

*Isirayiri Ebonerezebwa*

7 "Zuukuka, ggwe ekitala olwanyise omusumba wange,
olwane n'omusajja annyimirira ku lusegere,"
bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
"Kuba omusumba
endiga zisaasaane
nange ndiyimusa omukono gwange ku baana abato.
8 Mu nsi yonna," bw'ayogera MUKAMA,
"bibiri bya kusatu bye birikubwa bisaanewo,
naye kimu kya kusatu kye kirisigalamu.
9 Ekitundu kino eky'ekimu ekyokusatu ndikireeta mu muliro,
ne mbalongoosa ng'effeeza bw'erongoosebwa
mbagezese nga zaabu bw'egezesebwa.
Balikoowoola erinnya lyange

nange ndibaanukula.
Ndigamba nti, ‘Bantu bange,’
era nabo baliddamu nti, ‘MUKAMA ye Katonda waffe.’ ”

# 14

### *Yerusaalemi Enunulibwa MUKAMA*

1 Olunaku lwa MUKAMA lujja, lwe muligabana bye mwanyaga.

2 Ndikuŋŋaanyiza amawanga gonna mu Yerusaalemi mu lutalo okukirwanyisa; ekibuga kiritwalibwa, enju zinyagibwe n’abakazi bakwatibwe. Kimu kyakubiri eky’ekibuga kiritwalibwa mu buwaŋŋanguse; naye abalala abalisigalawo tebaliggibwa mu kibuga.

3 Awo MUKAMA alivaayo n’alwanyisa amawanga gali nga bwe yalwana ku lunaku olw’olutalo.
4 Ku lunaku olwo ebigere bye biriyimirira ku lusozi olwa Zeyituuni olwolekedde obuvanjuba bwa Yerusaalemi, era olusozi lwa Zeyituuni lulyabuluzibwamu ebitundu bibiri okuva Ebuvanjuba okudda Ebugwanjuba era lujjemu oguwonvu oguwanvu ennyo. Ekitundu ekimu ky’olusozi kidde mu Bukiikakkono ekirala mu Bukiikaddyo.
5 Nammwe muliddukira mu kkubo ery’omu kiwonvu eky’olusozi lwange kubanga ekiwonvu kirisitulirwa waggulu era muddukanga nga bwe mwadduka musisi eyayita mu mirembe gya Uzziya, kabaka wa Yuda. Awo MUKAMA Katonda wange alijja n’abatukuvu be bonna.

6 Ku lunaku olwo teriba kitangaala, newaakubadde obunnyogovu wadde obutiti.
7 Naye luliba lunaku lwa njawulo, awataliba misana wadde kiro: olunaku olumanyiddwa MUKAMA. Obudde bwe buliwungeera walibaawo ekitangaala.

8 Ku lunaku olwo amazzi amalamu galikulukuta okuva mu Yerusaalemi; agamu gagende mu nnyanja ey’Ebuvanjuba n’amalala mu nnyanja ey’Ebugwanjuba; mu kyeya ne mu ttoggo.

### *Yuda Kabaka w’Ensi ow’Oku Ntikko*

9 MUKAMA alibeera kabaka ow’ensi zonna: ku lunaku olwo MUKAMA alibeera omu yekka n’erinnya lye liribeera erinnya lyokka.

10 Ensi yonna okuva e Geba okutuuka e Limmoni ku luuyi olw’obukiikaddyo obwa Yerusaalemi; erifuuka nga Alaba naye Yerusaalemi kiriyimusibwa ne kisigala mu kifo kyakyo okuva ku mulongooti gwe Kananeri okutuuka ku masogolero ga kabaka.
11 Abantu balikibeeramu, tekigenda kuddayo kuzikirizibwa. Yerusaalemi kiriba kinywevu.

12 Ono ye kawumpuli MUKAMA gw’alikubisa amawanga gonna agaalwanyisa Yerusaalemi. Emibiri gyabwe girivunda nga bakyali balamu. Amaaso gabavundire mu biwanga, n’ennimi zibavundire mu kamwa.
13 Ku lunaku olwo MUKAMA alireetera abantu ekyekango eky’amaanyi. Buli muntu alikwata omukono gwa munne nga balwanagana.
14 Ne Yuda alirwanira mu Yerusaalemi era obugagga bw’ensi zonna eziriraanyeewo bukuŋŋaanyizibwe, zaabu n’effeeza n’ebyambalo bingi nnyo nga nabyo bikuŋŋaanyizibbwa.
15 Era kawumpuli ng’oli aligwa ku mbalaasi, ne ku nnyumbu, ne ku ŋŋamira, n’endogoyi, ne ku nsolo zonna eziriba mu bisulo ebyo.

16 Abo abalisigalawo ku mawanga agaalumba Yerusaalemi ba-
naayambukanga buli mwaka okusinza MUKAMA kabaka ow'Eggye era
n'okukwatanga embaga ey'ensiisira.
17 Omuntu yenna mu nsi bw'ataagendenga Yerusaalemi kusinza
MUKAMA Kabaka ow'Eggye, taafunenga nkuba.
18 Abamisiri bwe bataagendenga kwetabamu, tebaafunenga nkuba.
MUKAMA anaabareeteranga kawumpuli, gwakubisa amawanga agata-
genda kukwata mbaga ey'ensiisira.
19 Ekyo kye kinaabanga ekibonerezo kya Misiri n'amawanga gonna
agataayambukenga kukwata mbaga ya nsiisira.
20 Ku lunaku olwo ekigambo kino, "kitukuvu eri MUKAMA Katonda,"
kinaawandikibwa ku bide by'embalaasi era n'entamu ezifuumbirwamu
mu nnyumba ya MUKAMA zinaabeeranga ng'ebibya ebitukuvu mu maaso
g'ekyoto.
21 Weewaawo, buli nsuwa mu Yerusaalemi ne mu Yuda eneebanga
ntukuvu mu maaso ga MUKAMA ow'Eggye; n'abo bonna abanajjanga
okuwaayo ssaddaaka banaafumbiranga mu zimu ku ntamu ezo. Era
ku lunaku olwo, waliba tewakyali Mukanani mu nnyumba ya MUKAMA
ow'Eggye.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Malaki

1 Buno bwe bubaka MUKAMA bwe yawa Malaki abutuuse eri abaana ba Isirayiri.

*Okwagala kwa MUKAMA eri Isirayiri*

2 “Nabaagala,” bw’ayogera MUKAMA.

“Naye mmwe ne mumbuuza nti, ‘Watwagala otya?’

“Esawu teyali muganda wa Yakobo?” bw’ayogera MUKAMA: “naye nze Yakobo gwe nayagala.

3 Esawu namukyawa ne nfuula ensi ye ey’ensozi okuba amatongo, obusika bwe ne mbuwa ebibe eby’omu ddungu.”

4 Singa Edomu, ekika ekyava mu Esawu kigamba nti, “Wadde tukubiddwa wansi naye tulidda ne tuzimba ebyagwa.”

MUKAMA ow’Eggye ayogera nti, “Bo balizimba, naye nze ndibimenya; era abantu banaabayitanga, ensi embi, era nti abantu MUKAMA be yanyiigira ennaku zonna.

5 Era amaaso gammwe galiraba ne mwogera nti, ‘MUKAMA agulumizibwe okusukka ensalo ya Isirayiri.’

*Ekibi kya Bakabona*

6 “Omwana assaamu kitaawe ekitiibwa, n’omuddu atya mukama we. Kale obanga ddala ndi kitammwe, ekitiibwa kye munzisaamu kiri ludda wa? Era obanga ndi mukama wammwe, lwaki temuntya?” bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye.

MUKAMA ow’Eggye bw’abagamba mmwe nti, “Mmwe bakabona munyooma erinnya lyange.

“Ne mubuuza nti, ‘Twayonoona tutya?’

7 “Muwaayo ku kyoto kyange emmere eyonoonese.

“Kyokka ne mwebuuza nti, ‘Twakwonoona tutya?’

“Kubanga olujjuliro lwange mulufuula ekitagasa.

8 Bwe muwaayo ensolo enzibe z’amaaso okuba ssaddaaka, muba temukoze kibi? Ate bwe muwaayo eziwenyera oba endwadde, ekyo si kibi? Kale nno mugezeeko okuzitonera omufuzi wammwe, anaabasanyukira? Ye anaafaayo okukutunulako?” bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye.

9 “Kale nno mbasaba mwegayirire Katonda, atukwatirwe ekisa, kubanga ebyo ffe twabyereetera. Nga muleese ebiweebwayo ebifaanana bityo, waliwo n’omu gw’ayinza okukkiriza?” bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye.

10 “Kale waakiri singa omu ku bakabona aggalawo enzigi muleme okukuma omuliro ku kyoto kyange ogw’obwereere! Sibasanyukira n’akatono,” bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye, “so sikkirize kiweebwayo kyonna ekiva mu mikono gyammwe.

11 Kubanga okuva enjuba gy’eva okutuusa gy’egwa erinnya lyange kkulu mu baamawanga; obubaane buweerwayo mu buli kifo eri erinnya lyange, nga kuliko n’ekiweebwayo ekirongoofu, kubanga erinnya lyange kkulu mu baamawanga,” bw’ayogera MUKAMA ow’Eggye.

12 “Naye mmwe bakabona muvumisa erinnya lyange mu baamawanga buli lukya nga mugamba nti kya Mukama okuwaayo emmere etesaana n’ebiweebwayo ku kyoto kyange.

13 Era mwogera nti, 'Nga tulabye;' ne mugiwunyako ne mwetamwa, era
ne mwesooza," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
"Bwe muleeta ekinyage, n'ekiwenyera, n'ekirwadde, ebyo bye biweeb-
wayo bye mulina okuleeta, mbikkirize?" bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
14 "Buli mulimba yenna akolimirwe, oyo alina ennume mu kisibo kye
eyeeyama okugiwaayo nga ssaddaaka eri Mukama naye n'awaayo ekintu
ekiriko obulema: kubanga ndi Kabaka mukulu," bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye, "n'erinnya lyange lya ntiisa mu baamawanga."

# 2

*Okulabula Bakabona*

1 "Kale nno, mmwe bakabona, ekiragiro kino kyammwe.
2 Bwe mutaakyuse ku mpisa zammwe n'engeri zammwe, bwe mu-
taafeeyo kuwa linnya lyange kitiibwa," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye,
"kale ndibasindikira ekikolimo era emikisa gyammwe girifuuka ekikolimo.
Ate ddala mmaze okubakolimira kubanga ebikulu gye ndi temubitaddeeko
mwoyo.
3 "Kale laba, ndibonereza ezzadde lyammwe, mbasiige n'obusa mu
maaso, obusa bwa ssaddaaka zammwe, era mbagobewo mu maaso gange.
4 Olwo lwe mulimanya nga mbawadde ekiragiro kino, endagaano yange
ne Leevi eryoke etuukirire," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
5 "Endagaano eri mu mateeka ago yali egenderedde kuleeta bulamu
na mirembe era n'embimuwa asobole okuntya, era n'antya n'ayimirira
ng'atya erinnya lyange.
6 Amateeka ag'amazima gali mu kamwa ke era nga tewali bulimba
busangibwa mu kamwa ke. Yatambula nange mu mirembe ne mu
butuukirivu era n'aggya bangi mu kibi.
7 "Kubanga emimwa gy'abasumba gisaana okukuuma eby'amagezi
ebya Katonda era abantu basaana okunoonya okutegeera okuva mu bo,
kubanga be babaka ba MUKAMA ow'Eggye.
8 Naye mwakyama ne muva mu kkubo; mwesittaza bangi olw'ebyo
bye muyigiriza; mwayonoona endagaano ya Leevi," bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye.
9 "Noolwekyo nabafuula ekinyoomebwa era ekisekererwa mu maaso
g'abantu bonna olw'obutagoberera makubo gange era musala emisango
nga musaliriza."

*Okulabula eri Abatali Beesigwa mu Maka*

10 Kale ffenna tetulina kitaffe omu? Si Katonda omu eyatutonda? Lwaki
kale tetuli beesigwa eri bantu bannaffe, ne twonoona endagaano ya
bakitaffe?
11 Yuda takuumye bwesigwa n'eby'omuzizo ne bikolebwa mu Isirayiri
ne mu Yerusaalemi. Kubanga Yuda yayonoona ekifo kya MUKAMA
ekitukuvu, ky'ayagala ennyo, bwe yawasa omuwala wa lubaale.
12 Buli muntu yenna akola kino, oba kabona oba muntu wa bulijjo,
MUKAMA alimuggya mu kika kya Yakobo, newaakubadde ng'aleeta ebi-
weebwayo eri MUKAMA ow'Eggye!
13 Ekirala kye mukola kye kino: Ekyoto kya MUKAMA mukijjuzza
amaziga, nga mukaaba nga mukuba ebiwoobe kubanga ebiweebwayo
byammwe takyabifaako.
14 Kale mubuuza nti, "Lwaki tabifaako?" Kubanga MUKAMA yali
mujulirwa wakati wo ne mukazi wo ow'omu buvubuka bwo, naye ggwe

tewali mwesigwa, ng'olimbalimba newaakubadde nga yali munno era
mukazi wo gwe walagaana naye endagaano.
15 Katonda teyabafuula omu mu mwoyo? Era lwaki yabafuula omu?
Kubanga yali anoonya ezzadde eriritya Katonda. Kale mwekuume nnyo
waleme kubaawo agoba mukazi we, era alimbalimba mukazi we ow'omu
buvubuka bwe.
16 "Kubanga nkyawa abafumbo okwawukana," bw'ayogera MUKAMA Ka-
tonda wa Isirayiri, "n'omusajja ajooga mukazi we," bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye.

Kale mwekuumenga mu mwoyo gwammwe mubeerenga beesigwa.

### *Olunaku olw'Okusala Omusango*

17 MUKAMA mumukooyezza n'ebigambo byammwe.

Naye mubuuza nti, "Tumukooyezza tutya?"

Kubanga mwogera nti buli akola ekibi, mulungi mu maaso ga MUKAMA,
era abasanyukira; oba nti, "Ali ludda wa Katonda ow'obwenkanya?"

## 3

1 "Laba, ntuma omubaka wange, alinkulembera era alirongoosa ekkubo
nga sinnajja: era Mukama gwe munoonya alijja mu yeekaalu ye nga
tebamanyiridde; omubaka w'endagaano gwe musanyukira, laba ajja,"
bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
2 "Naye ani ayinza okugumiikiriza olunaku olw'okujja kwe, era ani
aliyimirira ye bw'alirabika? Kubanga ali ng'omuliro gw'oyo alongoosa
effeeza era nga sabbuuni ow'abayoza.
3 Era alituula n'atunula ng'oyo alongoosa ffeeza n'agimalamu amasen-
gere, era alirongoosa batabani ba Leevi, bakabona ba Katonda, era
alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza bwe bisengejjebwa; balyoke baweeyo
ssaddaaka mu butuukirivu.
4 Awo ekiweebwayo ekya Yuda ne Yerusaalemi kiryoke kisanyuse
MUKAMA, nga mu nnaku ez'edda era nga mu myaka egyayita.
5 "Era mu kiseera ekyo awatali kulonzalonza ndibasemberera nsale
omusango. Ndiyanguwa okuwa obujulizi ku baloga ne ku benzi ne ku
abo abalayira eby'obulimba, ne ku abo abalyazaamaanya omupakasi
empeera ye; abanyigiriza nnamwandu ne mulekwa, era abajoogereza
munnaggwanga, abatatya MUKAMA," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
6 "Kubanga nze MUKAMA sijjulukuka: mmwe, batabani ba Yakobo,
noolwekyo siribazikiriza.
7 Okuva mu nnaku za bajjajjammwe mwakyuka ne mukyama okuva ku
biragiro byange ne mutabikwata. Mudde gye ndi, nange nadda gye muli
era nnaabasonyiwa," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.

"Naye mwebuuza nti, 'Tunadda tutya?'

8 "Omuntu alinyaga Katonda?

"Naye mmwe munnyaga. Kyokka mugamba nti, 'Tukunyaga tutya?'

"Mu biweebwayo ne mu kimu eky'ekkumi.

9 Mukolimiddwa ekikolimo ekyo, kubanga mmwe, eggwanga lyonna
munnyaga nze.
10 Muleete ekimu eky'ekkumi ekijjuvu mu nnyumba yange, en-
nyumba yange ebeeremu emmere, era mungezese," bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye, "obanga siribaggulirawo ebituli eby'omu ggulu, ne mbawa
omukisa ne gutabaako ne we guligya.

11 Kale ndikuuma ennimiro zammwe ne zitazikirizibwa balabe; so
n'omuzabbibu gwammwe ne gutakunkumula bibala byagwo ebitan-
natuuka kwengera," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
12 "Era amawanga gonna galibayita ba mukisa: kubanga muliba nsi
esanyusa, kino ky'ekisuubizo," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye.
13 "Weewaawo ebigambo byammwe gye ndi bibadde bya bukambwe,"
bw'ayogera MUKAMA.
"Ate nga mugamba nti, 'Twakwogerako tutya obubi?'
14 "Mwayogera nti, 'Eby'okuweereza Katonda tebigasa, era kigasa
ki okukwata ebiragiro bye era n'okutambulira mu maaso ga MUKAMA
ow'Eggye ng'abakungubaga?
15 Okuva kaakano abeegulumiza tubayita ba mukisa; abakozi b'ebibi
bakulaakulana era n'abo abasoomoza Katonda nabo bawona.' "
16 Abo abatya MUKAMA bayogeragana bokka ne bokka, MUKAMA
n'abawulira. Ekitabo eky'okujjukira abatya MUKAMA ne balowooza ku
linnya lye, ne kiwandiikibwa ng'alaba.
17 "Kale baliba bange," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, "ku lunaku lwe
ndibakyusizaako okuba ekintu kyange eky'omuwendo; era ndibasonyiwa
ng'omuzadde bw'asonyiwa mutabani we amuweereza.
18 Omulundi omulala mulyawula omutuukirivu n'omubi, oyo aweereza
Katonda n'oyo atamuweereza."

# 4

*Olunaku lwa MUKAMA*

1 "Kubanga, laba, olunaku lujja, lwokya ng'ekikoomi, n'ab'amalala
bonna n'abo bonna abakola ebibi baliba bisasiro: ku lunaku lwennyini
balyokerwa ddala," bw'ayogera MUKAMA ow'Eggye, "obutabalekerawo
mulandira newaakubadde ettabi.
2 Naye mmwe abatya erinnya lyange, enjuba ey'obutuukirivu erib-
aviirayo ng'erina okuwonya mu biwaawaatiro byayo. Mulifuluma ne
muligita ng'ennyana ez'omu kiraalo.
3 Era mulirinnya ku babi, kubanga baliba vvu wansi w'ebigere
byammwe, ku lunaku lwe ndibalokolerako," bw'ayogera MUKAMA
ow'Eggye.
4 "Mujjukire okugonderanga amateeka ga Musa omuddu wange, ebira-
giro n'amateeka bye namukwasa ku Kolebu olwa Isirayiri yenna.
5 "Laba, ndibatumira nnabbi Eriya, olunaku lwa MUKAMA olukulu
olw'entiisa nga terunnatuuka,
6 era alikomyawo omutima gwa bazadde eri abaana baabwe, n'omutima
gw'abaana eri bazadde baabwe; nneme okukolimira ensi."

# Enjiri nga bwe Yawandiikibwa
# Matayo

*Ekitabo ky'Olulyo lwa Yesu Kristo*

1 Luno lwe lulyo lwa Yesu Kristo, omwana wa Dawudi omwana wa Ibulayimu:

2 Ibulayimu yazaala Isaaka,
Isaaka n'azaala Yakobo,
Yakobo n'azaala Yuda ne baganda be.
3 Yuda n'azaala Pereezi ne Zeera mu Tamali,
Pereezi n'azaala Kezirooni,
Kezirooni n'azaala Laamu.
4 Laamu yazaala Aminadaabu,
Aminadaabu n'azaala Nasoni,
Nasoni n'azaala Salumooni.
5 Salumooni yazaala Bowaazi mu Lakabu,
Bowaazi n'azaala Obedi mu Luusi.
Obedi n'azaala Yese.
6 Yese yazaala Kabaka Dawudi.

Dawudi n'azaala Sulemaani mu eyali muka Uliya.
7 Sulemaani yazaala Lekobowaamu,
Lekobowaamu n'azaala Abiya,
Abiya n'azaala Asa.
8 Asa n'azaala Yekosafaati,
Yekosafaati n'azaala Yolaamu,
Yolaamu n'azaala Uzziya.
9 Uzziya n'azaala Yosamu,
Yosamu n'azaala Akazi,
Akazi n'azaala Keezeekiya.
10 Keezeekiya n'azaala Manaase,
Manaase n'azaala Amosi,
Amosi n'azaala Yosiya.
11 Yosiya n'azaala Yekoniya ne baganda be mu kiseera eky'okutwalibwa e Babulooni.

12 Nga bamaze okutwalibwa e Babulooni:
Yekoniya n'azaala Seyalutyeri,
Seyalutyeri n'azaala Zerubbaberi.
13 Zerubbaberi n'azaala Abiwuudi,
Abiwuudi n'azaala Eriyakimu,
Eriyakimu n'azaala Azoli.
14 Azoli n'azaala Zadooki,
Zadooki n'azaala Akimu,
Akimu n'azaala Eriwuudi.
15 Eriwuudi n'azaala Eriyazaali,
Eriyazaali n'azaala Mataani,
Mataani n'azaala Yakobo.

16 Yakobo n'azaala Yusufu, oyo ye bba wa Maliyamu eyazaala Yesu ayitibwa Kristo.

17 Noolwekyo emirembe gyonna okuva ku Ibulayimu okutuuka ku Dawudi gyali kkumi n'ena, era okuva ku Dawudi okutuuka ku kuwaŋŋaangusibwa e Babulooni, emirembe kkumi n'ena, era okuva ku kuwaŋŋaangusibwa e Babulooni okutuuka ku Kristo, nagyo emirembe kkumi n'ena.

*Okuzaalibwa kwa Yesu*

18 Okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Maliyamu nnyina
bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, era nga tebanaba kufumbiriganwa
n'alabika ng'ali lubuto ku bwa Mwoyo Omutukuvu.
19 Awo Yusufu eyali amwogereza, olwokubanga yali muntu mulungi
n'asalawo mu mutima gwe okumuleka, naye ng'ayagala akikole mu kyama
aleme kukwasa Maliyamu nsonyi.
20 Naye bwe yali ng'agalamidde ku kitanda kye ng'akyabirowoozaako,
n'afuna ekirooto; n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde w'ali,
n'amugamba nti, "Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala Maliyamu
okuba mukazi wo! Kubanga olubuto lw'alina yalufuna ku bwa Mwoyo
Mutukuvu.
21 Era alizaala Omwana wabulenzi, olimutuuma erinnya Yesu, (amakulu
nti, 'Omulokozi') kubanga y'alirokola abantu bonna mu bibi byabwe."
22 Bino byonna byabaawo kisobole okutuukirira ekyayogerwa Mukama
ng'ayita mu nnabbi we ng'agamba nti,
23 "Laba omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana
wabulenzi, era aliyitibwa Emmanweri." Amakulu gaalyo nti, "Katonda
ali naffe."
24 Yusufu bwe yazuukuka, n'akola nga Malayika bwe yamulagira,
n'atwala Maliyamu okuba mukazi we.
25 Naye Yusufu n'atamumanya okutuusa lwe yamala okuzaala Omwana.
Yusufu n'amutuuma erinnya Yesu.

# 2

*Okukyala kw'Abagezigezi*

1 Yesu bwe yazaalibwa mu kibuga Besirekemu eky'omu Buyudaaya, ku
mulembe gwa Kabaka Kerode, abasajja abagezigezi, abaava ebuvanjuba
ne bajja mu Yerusaalemi, nga babuuza nti,
2 "Aliwa eyazaalibwa nga Kabaka w'Abayudaaya? Kubanga twalaba
emmunyeenye ye nga tuli mu buvanjuba, era tuzze okumusinza."
3 Awo Kabaka Kerode bwe yabiwulira ne bimweraliikiriza nnyo, era ne
bonna abaali mu Yerusaalemi.
4 N'ayita bakabona abakulu bonna n'abawandiisi b'amateeka
n'abeebuuzaako ekifo Kristo gye yali agenda okuzaalibwa.
5 Ne bamuddamu nti, "Mu Besirekemu eky'omu Buyudaaya, kyawandi-
ikibwa nnabbi nti,
6 " 'Naawe Besirekemu ekya Yuda,
toli mutono mu balangira ba Yuda,
kubanga omufuzi aliva mu ggwe,
alifuga abantu bange Isirayiri.' "
7 Awo Kerode n'atumya Abagezigezi kyama, n'ababuuza ebiro emmun-
yeenye bye yalabikiramu.

8 N'abasindika e Besirekemu ng'agamba nti, “Mugende mubuulirize
ebikwata ku mwana. Bwe mumulaba, mukomeewo muntegeeze, nange
ŋŋende musinze!”

9 Bwe baamala okuwulira Kabaka bye yabagamba ne bagenda. Bwe
baafuluma, emmunyeenye eri gye baalaba ebuvanjuba n'eddamu okubal-
abikira n'okubakulembera, okutuusa lwe yayimirira waggulu Omwana
w'ali.
10 Bwe baalaba emmunyeenye ng'eyimiridde, essanyu lyabwe ne libeera
lingi nnyo!

11 Bwe baayingira mu nnyumba* ne balaba Omwana ne Maliyamu
nnyina ne bavuunama ne basinza Omwana. Ne basumulula ensawo
zaabwe, ne bamutonera ebirabo, zaabu, n'obubaane n'omugavu.
12 Awo bwe baalabulibwa mu kirooto baleme kuddayo wa Kerode, bwe
batyo ne baddayo ewaabwe nga bayita mu kkubo eddala.

### *Okuddukira e Misiri*

13 Awo abagezigezi bwe baamala okugenda, malayika wa Mukama
n'alabikira Yusufu mu kirooto n'amugamba nti, “Golokoka oddusize
Omwana ne nnyina e Misiri, mubeere eyo okutuusa lwe ndibalagira
okudda. Kubanga Kerode ajja kunoonya Omwana ng'ayagala okumutta.”
14 Ekiro ekyo n'asituka n'atwala Omwana ne nnyina e Misiri.
15 Ne babeera eyo okutuusa Kerode bwe yafa. Mukama kye yayogerera
mu nnabbi we ne kituukirira, bwe yagamba nti:
“Nayita Omwana wange okuva mu Misiri.”

### *Okutta Abaana Abato*

16 Kerode bwe yalaba ng'Abagezigezi banyoomye ekiragiro kye,
n'asunguwala nnyo, n'atuma abaserikale e Besirekemu ne mu
byalo byakyo batte abaana bonna aboobulenzi ab'emyaka ebiri
n'abatannagiweza, ng'asinziira ku bbanga abagezigezi lye baali
bamutegeezeza mwe baalabira emmunyeenye.
17 Awo ekigambo nnabbi Yeremiya kye yayogera ne kiryoka kituukirira
ng'agamba nti,
18 “Eddoboozi lyawulirwa mu Laama,
okukuba emiranga n'okukungubaga okunene,
nga Laakeeri akaabira abaana be,
nga tewakyali asobola kumuwooyawooya,
kubanga bonna baweddewo.”

### *Okuva e Misiri Okudda e Nazaaleesi*

19 Kerode bwe yamala okufa malayika wa Mukama n'alabikira Yusufu
mu kirooto e Misiri,
20 n'amugamba nti, “Golokoka ozzeeyo Omwana ne nnyina mu Isirayiri,
kubanga abaali baagala okutta Omwana bafudde.”
21 Yusufu n'asitukiramu n'azzaayo Omwana ne nnyina mu nsi ya
Isirayiri.

---

* **2:11** nnyumba: abasajja abagezi tebaakyalira Yesu mu kiraalo ky'ente ekiro lwe yazaalibwa. Bajja wayiseewo ebbanga, kyebaava bamusanga mu nnyumba ng'ali ne nnyina. Newaakubadde ng'ebirabo byali bisatu, tekitegeeza nti abasajja abagezi baali basatu oba nti baali bakabaka.

22 Naye bwe yatuuka mu kkubo n'atya nnyo bwe yawulira nga
Alukerawo† mutabani wa Kerode ye yali alidde obwakabaka. Mukama
n'amulabulira nate mu kirooto aleme kugenda Buyudaaya, bw'atyo
n'alaga e Ggaliraaya
23 n'atuuka mu kibuga ky'e Nazaaleesi, ne babeera omwo. Ebigambo bya
bannabbi bye baayogera biryoke bituukirire nga bagamba nti: "Aliyitibwa
Munnazaaleesi."

# 3

### *Yokaana Omubatiza Aluŋŋamya Ekkubo lya Mukama*

1 Mu nnaku ezo Yokaana Omubatiza n'ajja ng'abuulira mu ddungu ly'e
Buyudaaya ng'agamba nti,
2 "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera oku-
tuuka."
3 Oyo nnabbi Isaaya gwe yayogerako ng'agamba nti,
"Mpulira eddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu ng'agamba nti,
'Mulongoose oluguudo lwa Mukama,
muluŋŋamye amakubo ge!' "
4 Ebyambalo bya Yokaana byakolebwa mu bwoya bwa ŋŋamira, era nga
yeesibya lukoba lwa ddiba. N'emmere ye yali nzige na mubisi gwa njuki.
5 Abantu bangi ne bava mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna ne
mu bifo ebiriraanye Yoludaani ne bajja mu ddungu okuwulira by'abuulira.
6 N'ababatiza mu mugga Yoludaani, nga baatula ebibi byabwe.
7 Naye bwe yalaba Abafalisaayo bangi n'Abasaddukaayo nga bajja oku-
batizibwa n'abagamba nti, "Mmwe, abaana b'essalambwa, ani yabalabula
okudduka obusungu bwa Katonda obugenda okujja?
8 Kale mubale ebibala ebiraga nti Mwenenyeza.
9 Temulowooza mu mitima gyammwe nti, 'Tuli bulungi kubanga tuli
Bayudaaya, abaana ba Ibulayimu, tetufaayo, tetulina kye twetaaga.' Ekyo
tekibasigula. Mbategeeza nti, Katonda ayinza okufuula amayinja gano
abaana ba Ibulayimu!
10 Kaakano embazzi ya Katonda eteekeddwa ku buli kikolo kya muti,
omuti ogutabala bibala birungi, gutemebwa gusuulibwe mu muliro.
11 "Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo
omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto
ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n'omuliro.
12 Ekikuŋŋunta kiri mu mukono gwe, alirongoosa egguuliro lye.
Eŋŋaano aligitereka mu tterekero lye, naye ebisusunku alibyokya mu
muliro ogutazikira."

### *Okubatizibwa kwa Yesu*

13 Awo Yesu n'ava e Ggaliraaya n'ajja ku mugga Yoludaani, abatizibwe
Yokaana.
14 Naye Yokaana n'ayagala okugaana, n'agamba nti, "Nze neetaaga ggwe
okumbatiza, naye ate gw'ojja gye ndi?"
15 Yesu n'amuddamu nti, "Kkiriza ombatize, kubanga kitugwanidde
okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Awo Yokaana n'amukkiriza.

---

† **2:22** Alukerawo yali mutabani wa Kerode nga yafuga Buyudaaya ne Samaliya, era yafugira emyaka kkumi gyokka. Yali mukambwe nnyo ate nga wa ttima, kyeyava aggyibwa ku bufuzi, n'oluvannyuma ebitundu ebyo bye yafuganga, byafugibwa abaamasaza abaali balondeddwa Kayisaali.

16 Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba.
17 Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo."

# 4

### *Okukemebwa kwa Yesu*

1 Awo Yesu n'atwalibwa Mwoyo Mutukuvu mu ddungu okukemebwa Setaani.
2 N'amala ennaku amakumi ana ng'asiiba, nga talya, emisana n'ekiro, oluvannyuma enjala n'emuluma.
3 Setaani n'ajja gy'ali n'amugamba nti, "Obanga oli Mwana wa Katonda, lagira amayinja gano gafuuke emmere."
4 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti: 'Omuntu tabeera mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.' "
5 Awo Setaani n'amutwala mu kibuga ekitukuvu n'amussa ku kitikkiro kya Yeekaalu.
6 N'amugamba nti,
"Obanga oli Mwana wa Katonda weesuule wansi
kubanga kyawandiikibwa nti, 'Katonda aliweereza bamalayika be bakuwanirire mu mikono gyabwe
oleme okwekoona ekigere kyo ku jjinja.' "
7 Yesu n'addamu Setaani nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Tokemanga Mukama Katonda wo.' "
8 Ate Setaani n'amutwala ku lusozi oluwanvu n'amulengeza ensi zonna n'obwakabaka bwamu n'ekitiibwa kyabwo kyonna,
9 n'amugamba nti, "Bino byonna nnaabikuwa bw'onoovuunama n'onsinza."
10 Yesu n'addamu nti, "Vvaawo, genda Setaani. Kyawandiikibwa nti, 'Osinzanga Mukama Katonda wo yekka, era gw'oweerezanga.' "
11 Setaani n'amuviira n'agenda. Bamalayika ne bajja ne bamuweereza.

### *Yesu Atandika Okubuulira*

12 Yesu bwe yawulira nga Yokaana bamusibye mu kkomera n'agenda e Ggaliraaya.
13 Bwe yava e Nazaaleesi n'agenda abeera e Kaperunawumu ekiri ku lubalama lw'ennyanja mu byalo by'e Zebbulooni n'e Nafutaali.
14 Kino ne kituukiriza ekyayogerwa nnabbi Isaaya ng'agamba nti,
15 "Ensi ya Zebbulooni n'ensi ya Nafutaali, okuliraana ennyanja,
n'ebyalo ebiri emitala w'omugga Yoludaani,
n'e Ggaliraaya ey'ekyengulu omuli bannaggwanga abangi,
16 abantu abaatuulanga mu kizikiza,
balabye Omusana mungi.
Abaatuulanga mu nsi ey'ekisiikirize eky'okufa,
omusana gubaakidde."
17 Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde."

### *Okuyitibwa kw'Abayigirizwa Abaasooka*

[18] Yesu bwe yali ng'atambula ku lubalama lw'ennyanja y'e Ggaliraaya
n'alaba abooluganda babiri: Simooni, gwe bayita Peetero, ne Andereya,
nga basuula obutimba bwabwe mu nnyanja, kubanga baali bavubi.
[19] Awo Yesu, n'abagamba nti, "Mujje mungoberere, nange ndibafuula
abavubi b'abantu."
[20] Amangwago ne baleka awo obutimba bwabwe, ne bamugoberera.
[21] Bwe yeeyongerayo katono, n'asanga abooluganda abalala babiri:
Yakobo, ne Yokaana, nga batudde ne kitaabwe Zebbedaayo mu lyato nga
baddaabiriza obutimba bwabwe, nabo n'abayita bamugobererere.
[22] Amangwago, ne baleka awo kitaabwe mu lyato ne bagenda naye.

### *Yesu Awonya Abalwadde*

[23] Yesu n'abuna wonna mu Ggaliraaya ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro
g'Abayudaaya ng'abuulira Enjiri ey'obwakabaka obw'omu ggulu, era
ng'awonya buli ndwadde yonna n'obuyongobevu bwonna mu bantu.
[24] Amawulire ag'ebyamagero bye yakolanga ne gatuuka mu Siriya
yonna. Ne bamuleetera abayongobevu, n'abalina ebibabonyaabonya,
n'ab'ensimbu n'abo abaaliko baddayimooni, abakoozimbye
n'ab'endwadde endala ezitali zimu, bonna n'abawonya.
[25] Ebibiina binene ne bimugoberera, abantu nga bava mu Ggaliraaya
ne mu Dekapoli,* ne mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna, n'emitala
w'omugga Yoludaani.

# 5

### *Yesu Ayigiriza ku Lusozi*

[1] Awo Yesu bwe yalaba ng'ebibiina byeyongera obungi, n'alinnya ku
lusozi, abayigirizwa be ne bajja gy'ali,
[2] n'abayigiriza ng'agamba nti:
[3] "Balina omukisa abaavu mu mwoyo,
kubanga abo Obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe.
[4] Balina omukisa abali mu nnaku,
kubanga abo balisanyusibwa.
[5] Balina omukisa abeetoowaze,
kubanga abo balisikira ensi.
[6] Balina omukisa abalumwa enjala olw'obutuukirivu
kubanga abo balikkusibwa.
[7] Balina omukisa ab'ekisa,
kubanga abo balikwatirwa ekisa.
[8] Balina omukisa abalina omutima omulongoofu,
kubanga abo baliraba Katonda.
[9] Balina omukisa abatabaganya,
kubanga abo baliyitibwa baana ba Katonda.
[10] Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu,
kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe."
[11] "Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne
baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze.
[12] Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu
ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."

### *Omunnyo n'Omusana*

---

* **4:25** Dekapoli kitegeeza ebibuga ekkumi

13 “Mmwe muli munnyo gwa nsi. Naye kale bwe guggwaamu obuka,
guliba munnyo nate? Olwo gukasukibwa ebweru ne gulinnyiririrwa
n’ebigere, nga tegukyalina mugaso gwonna.
14 “Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga tekikwekebwa ku lusozi.
15 Era omuntu takoleeza ttabaaza ate n’agisaanikirako ekibbo, wabula
agiteeka ku kikondo n’emulisiza bonna abali mu nju.
16 Kale nammwe ebikolwa byammwe ebirungi byakirenga abantu
bonna, babirabenga, bagulumize Kitammwe ali mu ggulu.

### *Okutuukiriza Amateeka*

17 “Temulowooza nti Najja okuggyawo amateeka ga Musa oba ebya
bannabbi. Sajja okubiggyawo wabula okubituukiriza.
18 Ddala ddala mbagamba nti Eggulu n’ensi biyinza okuggwaawo,
naye ennukuta emu wadde akatonnyeze akamu mu mateeka tebirivaawo
okutuusa byonna lwe birituukirira.
19 Noolwekyo oyo amenya etteeka erisembayo obutono, n’ayigiriza
n’abalala okukola bwe batyo, y’alisembayo mu bwakabaka obw’omu
ggulu.
20 Naye mbalabula nti Okuggyako ng’obutuukirivu bwammwe businga
obw’Abafalisaayo n’obw’abawandiisi, temuliyingira mu bwakabaka bwa
mu ggulu.”

### *Etteeka ly’Obutemu*

21 “Mwawulira ab’edda bwe baagambibwa nti, ‘Tottanga, na buli
anattanga, anaawozesebwa.’
22 Naye mbagamba nti Buli alisunguwalira muganda we aliwozesebwa.
Na buli anaagambanga muganda we nti, ‘Laka,’ anaatwalibwa mu lukiiko
lw’abakulembeze b’Abayudaaya n’awozesebwa. Na buli anaagambanga
nti, ‘Musirusiru,’ asaanidde okusuulibwa mu muliro ogwa ggeyeena.
23 “Bw’obanga oli mu maaso ga Katonda, ng’omuleetedde ekirabo
eky’okuwaayo nga ssaddaaka, n’ojjukira nga waliwo gw’olinako ensonga,
24 ekirabo kyo sooka okireke awo oddeyo omale okumwetondera
mutegeeragane, olyoke okomewo oweeyo ekirabo kyo eri Katonda.
25 “Tegeeragananga mangu n’oyo akuwawaabira nga mukyali mu
kkubo aleme kukutwala wa mulamuzi, n’omulamuzi okukuwaayo eri
omuserikale, n’omuserikale okukuteeka mu kkomera.
26 Nkutegeeza nti Olibeera omwo okutuusa lw’olimalayo byonna
by’obanjibwa.”

### *Etteeka ly’Obwenzi*

27 “Mwawulira bwe kyagambibwa nti, ‘Toyendanga!’
28 Naye mbagamba nti Buli muntu atunuulira omukazi n’amwegomba
aba amaze okumwendako mu mutima gwe.
29 Noolwekyo obanga eriiso Lyo erya ddyo likuleetera okwesittala, lig-
gyeemu olisuule wala. Kubanga kirungi okugenda mu ggulu ng’ebitundu
byo ebimu tobirina okusinga okugenda nabyo byonna mu ggeyeena.
30 Era obanga omukono gwo ogwa ddyo gukukozesa ebibi, kirungi
okugutemako ogusuule wala. Okugenda mu ggulu ng’ekitundu ky’omubiri
gwo ekimu tokirina kisinga okugenda mu ggeyeena n’ebitundu by’omubiri
gwo byonna.
31 Kyagambibwa nti, ‘Buli anaagobanga mukazi we, anaawanga omukazi
oyo ebbaluwa ey’okumugoba.’

32 Naye mbagamba nti Buli anaagobanga mukazi we wabula
olw'obwenzi anaabanga amwenzesezza, n'oyo anaawasanga omukazi gwe
bagobye anaabanga ayenze."

*Okulayira*

33 "Mwawulira bwe kyagambibwa ab'edda nti, 'Buli kye weeyamanga
eri Mukama okituukirizanga.'
34 Naye mbagamba nti: Temulayiranga n'akatono! Temulayiranga ggulu,
kubanga ye ntebe y'obwakabaka bwa Katonda.
35 Temulayiranga nsi, kubanga y'entebe y'ebigere bye. Temulayiranga
Yerusaalemi, kubanga ky'ekibuga kya Kabaka omukulu.
36 Era tolayiranga mutwe gwo, kubanga toyinza na kufuula luviiri lwo
olumu okuba olweru oba oluddugavu.
37 Naye muddangamu buzzi nti, 'Weewaawo.' Oba nti, 'Si weewaawo'.
Kubanga bw'ogezaako okukakasa ebigambo byo n'okulayira kiraga nti
waliwo ekitali kituufu."

*Eriiso Okugatta Eriiso*

38 "Mwawulira nga kyagambibwa nti, 'Omuntu bw'anaggyangamu eriiso
lya munne n'erirye linaggibwangamu. Oba omuntu bw'anaaggyangamu
erinnyo lya munne, n'erirye banaalikuulangamu.'
39 Naye mbagamba nti, Temuwakananga na mubi, naye omuntu
bw'akukubanga oluyi ku ttama erya ddyo omukyusizanga n'ettama
eryokubiri.
40 Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe atwale essaati yo, omulek-
eranga n'ekkooti yo.
41 N'oyo akuwalirizanga okumwetikkirako omugugu gwe kilomita emu,
omutwalirangako n'eyokubiri.
42 Akusaba omuwanga, n'oyo ayagala okukwewolako tomukubanga
mabega."

*Mwagale Abalabe Bammwe*

43 "Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Yagalanga muliraanwa
wo, naye okyawenga mulabe wo.'
44 Naye nze mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe! Mus-
abirenga ababayigganya!
45 Bwe mulikola bwe mutyo muliba baana ba Kitammwe ali mu
ggulu. Kubanga omusana gwe agwakiza abalungi n'ababi, era n'enkuba
agitonnyeza ab'amazima n'abatali ba mazima.
46 Bwe mwagala ababaagala bokka, mufunamu ki? N'abawooza bwe
bakola bwe batyo.
47 Era bwe munaalamusanga baganda bammwe bokka, munaaba mulina
njawulo ki n'abalala? Kubanga ne bannamawanga bwe bakola bwe batyo.
48 Naye mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga Kitammwe
ali mu ggulu bw'ali Omutuukirivu."

# 6

*Okuwa Abaavu*

1 "Mwegendereze, ebikolwa byammwe eby'obutuukirivu obutabikol-
eranga mu lujjudde lw'abantu nga mwagala babasiime, kubanga bwe
munaakolanga bwe mutyo Kitammwe ali mu ggulu talibawa mpeera."
2 "Bw'obanga ogabira omwavu ekintu teweeraganga nga bannanfuusi
bwe bakola ne basooka okufuuwa eŋŋombe mu makuŋŋaaniro ne

mu nguudo, nga bagenda okugabira abaavu, abantu babalabe babawe ekitiibwa. Ddala ddala mbagamba nti Abo, eyo y'empeera yaabwe.
3 Naye ggwe bw'obanga ogabira omuntu yenna ekintu omukono gwo ogwa kkono guleme kumanya ogwa ddyo kye gukola.
4 Kale Kitaawo amanyi ebyama byonna alikuwa empeera."

### *Okusaba*

5 "Era bwe mubanga musaba mwekuume obutaba nga bannanfu-
usi abaagala okweraga nga bwe bali bannaddiini, ne basabira mu makuŋŋaaniro ne ku nguudo mu lujjudde, abantu babalabe. Abo, eyo y'empeera yokka gye balifuna.
6 Naye ggwe bw'obanga osaba, oyingiranga mu nnyumba yo, ne weggalira mu kisenge kyo n'osabira eyo mu kyama. Kitaawo ategeera ebyama byo byonna alikuwa by'omusabye.
7 Era bwe musabanga temuddiŋŋananga mu bigambo oba okwogera ebigambo enkumu ng'abatamanyi Katonda bwe bakola nga balowooza nti Bwe banaddiŋŋana mu bigambo emirundi n'emirundi okusaba kwabwe lwe kunaddibwamu.
8 Kale temubafaanananga, kubanga Kitammwe amanyidde ddala by-
onna bye mwetaaga ne bwe muba nga temunnamusaba."
9 Noolwekyo mumusabenga bwe muti nti,

Kitaffe ali mu ggulu,
Erinnya Lyo litukuzibwe.
10 Obwakabaka bwo bujje.
By'oyagala bikolebwe mu nsi,
nga bwe bikolebwa mu ggulu.
11 Otuwenga emmere yaffe eya buli lunaku.
12 Tusonyiwe ebyonoono byaffe
nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona.
13 Totuganya kukemebwa
naye tulokole eri omubi.*

14 "Kubanga bwe munaasonyiwanga ababasobezza, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga.
15 Naye bwe mutaasonyiwenga bannammwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu taabasonyiwenga."

### *Okusiiba*

16 "Bwe musiibanga, temukiraganga nga bannanfuusi bwe bakola. Kubanga batunuza ennaku balyoke balabike mu bantu nti basiiba, mbategeeza ng'abo, eyo y'empeera yokka gye bagenda okufuna.
17 Naye ggwe bw'osiibanga olongoosanga enviiri zo n'onaaba ne mu maaso,
18 abantu baleme kutegeera nti osiiba, okuggyako Kitaawo ali mu ggulu era alaba mu kyama alikuwa empeera."

### *Obugagga obw'Amazima*

19 "Temweterekeranga byabugagga wano ku nsi kwe biyinza ok-
wonoonebwa ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe bayinza okubibbira.

* **6:13** Kyavumbulibwa luvannyuma mu mizingo egy'oluvannyuma. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, bibyo, emirembe n'emirembe. Amiina

20 Naye mweterekerenga obugagga bwammwe mu ggulu gye butayinza kwonoonebwa nnyenje wadde obutalagge, n'ababbi gye batayinza kuyingira kububba.
21 Kubanga obugagga bwo gye buli n'omutima gwo gye gunaabeeranga."
22 "Eriiso y'ettabaaza y'omubiri gwo, noolwekyo eriiso bwe liba eddamu, omubiri gwo gwonna gujjula ekitangaala ng'eky'omusana.
23 Naye eriiso lyo bwe liba ebbi, omubiri gwo gwonna gunaabeeranga n'ekizikiza, noolwekyo ekizikiza ekyo kiba kikwafu nnyo!"
24 "Tewali n'omu ayinza kuweereza bakulu babiri, kubanga alikyawako omu n'ayagala omulala oba aliwulirako omu n'anyooma omulala. Toyinza kuweereza Katonda na mamona.†"

### *Temweraliikiriranga*

25 "Noolwekyo mbagamba nti, Temweraliikiriranga bya bulamu bwammwe, bye munaalya oba bye munaanywa, wadde ebyokwambala. Kubanga obulamu businga ebyokulya, n'omubiri gusinga ebyambalo.
26 Mulabire ku nnyonyi ez'omu bbanga! Tezisiga so tezikungula so tezikuŋŋaanyiza mmere mu tterekero, naye Kitammwe ali mu ggulu aziriisa. Naye mmwe temusinga nnyo ennyonyi ezo?
27 Ani ku mmwe, bwe yeeraliikirira, ayinza okwongerayo obulamu bwe akatundu n'akamu?"
28 "Naye lwaki mweraliikirira ebyokwambala? Mulabire ku malanga ag'oku ttale! Tegaliiko kye geekolera,
29 naye ne Kabaka Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna teyagenkana mu kwambala.
30 Naye obanga Katonda ayambaza obulungi bw'atyo omuddo ogw'omu nsiko ogw'ekiseera obuseera, ogubaawo leero ate enkeera ne gwokebwa mu kyoto, talisingawo nnyo okubambaza? Nga mulina okukkiriza okutono!
31 Noolwekyo temweraliikiririranga nga mugamba nti, 'Tunaalya ki? Oba nti, Tunaanywa ki? Oba nti, Tunaayambala ki?'
32 Ebyo byonna bannamawanga bye bayaayaanira. Naye Kitammwe ali mu ggulu amanyi ng'ebyo byonna mubyetaaga.
33 Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako.
34 Noolwekyo temweraliikiriranga bya nkya. Kubanga olunaku olw'enkya lulyeraliikirira ebyalwo. Buli lunaku lulina emitawaana gyalwo egimala."

## 7

### *Temunoonyanga Bisobyo ku Bannammwe*

1 "Temusalanga musango, nammwe muleme okusalirwa omusango.
2 Kubanga nga bwe musalira abalala nammwe bwe mujjanga okusalirwa. Ekigera kye mugereramu, nammwe kye muligererwamu."
3 "Ofaayo ki ku kasasiro akali ku liiso lya muganda wo so nga ku liryo kuliko kisiki kiramba?
4 Oyinza otya okugamba muganda wo nti, 'Leka nkuggyeko akasasiro akakuli ku liiso,' so nga ku liryo kuliko kisiki?
5 Munnanfuusi ggwe! Sooka oggyeko ekisiki ekiri ku liiso lyo olyoke olabe bulungi nga bw'oggyako akasasiro akali ku liiso lya muganda wo."

† **6:24** Mamona engeri ey'okwagalamu ennyo eby'obugagga n'okwagala n'oyagala okubifuula katonda wo

6 “Temuddiranga bintu bitukuvu ne mubiwa embwa. N’embizzi temuzisuuliranga mayinja ag’omuwendo omungi, kubanga zigenda kugalinnyirira, n’oluvannyuma zikyuke zibalume.”

*Musabe, Munoonye, Mweyanjule*

7 “Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.
8 Kubanga buli asaba aweebwa, n’oyo anoonya, azuula, n’oyo akonkona aggulirwawo.”
9 “Oba muntu ki mu mmwe singa omwana we amusaba omugaati, ayinza okumuwa ejjinja?
10 Oba singa asabye ekyennyanja, kitaawe ayinza okumuwa omusota?
11 Obanga mmwe abantu ababi musobola okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisingawo okubawa ebirungi bye mumusaba?
12 Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi.”

*Omulyango Omufunda n’Omugazi*

13 “Muyingirire mu mulyango omufunda! Kubanga ekkubo erigenda mu kuzikirira ddene n’omulyango mugazi, n’abalonda ekkubo eryo bangi.
14 Kubanga omulyango mufunda, n’ekkubo eridda eri obulamu ffunda, era n’abaliraba batono.”

*Omuti n’Ebibala*

15 “Mwekuume abayigiriza ab’obulimba, abajja nga bambadde amaliba g’endiga, songa munda gy’emisege egigenda okubataagulataagula.
16 Mulibalabira ku bikolwa byabwe, ng’omuti bwe mugutegeerera ku bibala byagwo. Omuntu tayinza kunoga mizabbibu ku busaana oba okunoga ettiini ku mweramannyo.
17 Noolwekyo buli muti omulungi gubala ebibala ebirungi, naye omuti omuvundu gubala ebibala ebibi.
18 Omuti omulungi teguyinza kubala bibala bibi, n’omuti omuvundu teguyinza kubala bibala birungi.
19 Omuti gwonna ogutabala bibala birungi gutemebwa ne gusuulibwa mu muliro.
20 Noolwekyo mulibategeerera ku bibala byabwe.”
21 “Si bonna abampita nti, ‘Mukama waffe, Mukama waffe,’ be baliyingira obwakabaka obw’omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by’ayagala.
22 Ku lunaku luli bangi baliŋŋamba nti, ‘Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby’obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n’ebyamagero bingi mu linnya lyo.’
23 Ndibaddamu nti, ‘Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi.’ ”

*Omuzimbi Omugezi n’atali Mugezi*

24 “Noolwekyo buli awulira ebigambo byange, n’abikola, alifaananyizibwa ng’omusajja ow’amagezi eyazimba enju ye ku lwazi.
25 Enkuba n’etonnya, emigga ne gikulukuta, omuyaga ne gujja, ne bikuba enju eyo naye n’etegwa kubanga yazimbibwa ku lwazi.

26 Naye buli awulira ebigambo byange n'atabikola, alifaananyizibwa
ng'omusajja omusirusiru eyazimba ennyumba ye mu musenyu.
27 Enkuba n'etonnya, emigga ne gikulukuta, omuyaga ne gujja, ne bikuba
ennyumba eyo, n'egwa, n'okugwa kwayo ne kuba kunene."
28 Awo Yesu n'amaliriza ebigambo bye ebyo. Abantu bonna ne
beewuunya nnyo olw'okuyigiriza kwe.
29 Kubanga yabayigiriza nga nannyini buyinza, so si ng'abannyonnyozi
b'amateeka baabwe bwe baayigirizanga.

# 8

### *Yesu Awonya Omugenge*

1 Awo Yesu bwe yava ku lusozi ekibiina kinene ne kimugoberera.
2 Omusajja omugenge n'ajja gy'ali n'amuvuunamira ng'agamba nti,
"Mukama wange, bw'obanga oyagala oyinza okunnongoosa."
3 Yesu n'agolola omukono gwe n'amukwatako n'amugamba nti, "Nja-
gala, longooka." Amangwago omusajja n'awona ebigenge.
4 Yesu n'amugamba nti, "Laba, tobaako muntu n'omu gw'obuulira,
wabula genda weerage eri kabona otwaleyo n'ekirabo nga Musa bwe
yalagira, kibeere obujulirwa gye bali."

### *Okukkiriza kw'Omuserikale Omuruumi*

5 Awo Yesu bwe yayingira mu Kaperunawumu, omuserikale Omuruumi,
omukulu w'ekitongole ky'abaserikale ekikumi, n'ajja n'amwegayirira,
6 ng'agamba nti, "Mukama omulenzi wange mulwadde nnyo, amaze
ebbanga ddene ng'akoozimbye ali ku kitanda era abonaabona nnyo."
7 Yesu n'amuddamu nti, "Nnajja ne mmuwonya."
8 Omukulu w'ekitongole n'agamba Yesu nti, "Mukama, sisaanira
kukuyingiza mu nnyumba yange, yogera bwogezi ekigambo, omulenzi
wange anaawona!
9 Kubanga nange waliwo abakulu abantwala, ate nga nange nnina be
nfuga. Bwe ndagira omu nti, 'Genda,' agenda, n'omulala nti, 'Jjangu,' era
ajja, n'omuddu wange nti, 'Kola kino,' akikola."
10 Yesu bwe yawulira ekyo ne yeewunya nnyo, n'agamba abaali
bamugoberera nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Sinnalabayo muntu alina
kukkiriza nga kuno wadde mu lsirayiri!
11 Mbagamba nti bangi baliva ebuvanjuba n'ebugwanjuba ne batuula
wamu ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo mu bwakabaka obw'omu ggulu.
12 Naye abaana b'obwakabaka, baligoberwa ebweru mu kizikiza
ekikutte, eriba okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji."
13 Awo Yesu n'agamba omukulu w'ekitongole Omuruumi nti, "Ggenda.
Nga bw'okkirizza kikukolerwe." Omulenzi we n'awonerawo mu kiseera
ekyo.

### *Yesu Awonya Nnyina wa muka Peetero*

14 Awo Yesu bwe yayingira mu maka ga Peetero yasanga nnyina wa
muka Peetero alwadde omusujja mungi, ng'agalamidde ku kitanda.
15 Yesu n'amukwata ku mukono omusujja ne gumuwonako, n'agolokoka
n'amuweereza.
16 Obudde bwe bwawungeera, ne bamuleetera abalwadde bangi
abaaliko baddayimooni. N'ayogera bwogezi kigambo baddayimooni
n'abagoba, era n'awonya n'abalala bonna abaali balwadde.

17 Bwe kityo ekigambo ekyayogerebwa mu nnabbi Isaaya ne kituukirira
bwe yagamba nti:
“Yatuwonya endwadde zaffe,
era n’atwala obunafu bwaffe.”

### *Okugoberera Yesu*

18 Awo Yesu bwe yalaba ng’ekibiina ekimwetoolodde kinene n’alagira
bawunguke balage ku ludda olulala.
19 Omu ku bawandiisi b’amateeka n’amusemberera n’amugamba nti,
“Omuyigiriza, nnaakugobereranga wonna w’onoogendanga!”
20 Yesu n’amuddamu nti, “Ebibe birina obunnya mwe bisula, n’ennyonyi
ez’omu bbanga zirina ebisu, naye Omwana w’Omuntu talina kifo kya
kuwumulizaamu mutwe gwe.”
21 Omuyigirizwa we omu n’amugamba nti, “Mukama wange, nzikiriza
mmale okugenda okuziika kitange.”
22 Naye Yesu n’amuddamu nti, “Ngoberera! Leka abo abafu baziike
abafu baabwe.”
23 Yesu n’ayingira mu lyato n’abayigirizwa be.
24 Awo omuyaga mungi ogw’amaanyi ne gujja ku nnyanja, amayengo
amagulumivu ne gaba kumpi okubuutikira eryato. Naye yali yeebase.
25 Abayigirizwa be ne bajja gy’ali ne bamuzuukusa nga bagamba nti,
“Mukama waffe, tulokole, tusaanawo!”
26 Yesu n’abaddamu nti, “Mmwe abalina okukkiriza okutono! Lwaki
mutya bwe mutyo?” N’agolokoka n’aboggolera omuyaga. Omuyaga ne
guggwaawo, ennyanja n’eteeka.
27 Naye abayigirizwa ne bawuniikirira nnyo! Ne beebuuza nti, “Muntu
ki ono, omuyaga n’ennyanja gwe bigondera?”
28 Awo bwe yatuuka emitala w’eri mu nsi y’Abagadaleni, abasajja
babiri abaaliko baddayimooni ne bava mu malaalo ne bajja gy’ali. Baali
bakambwe nnyo, nga tewali na muntu ayinza kuyita mu kkubo eryo.
29 Ne bawowoggana nnyo nti, “Otwagaza ki, ggwe Omwana wa Katonda!
Ojjidde ki okutubonyaabonya ng’ekiseera kyaffe tekinnaba kutuuka?”
30 Walako ne we baali waaliwo eggana ly’embizzi* nga zirya,
31 baddayimooni ne basaba Yesu nti, “Obanga ogenda kutogoba ku bantu
bano, tusindike mu ggana ly’embizzi.”
32 Yesu n’agamba baddayimooni nti, “Kale, mugende.” Ne bava ku
bantu, ne bayingira mu mbizzi, eggana lyonna ne lifubutuka ne liva ku
bbangabanga ne lyeyiwa mu nnyanja embizzi zonna ne zisaanawo.
33 Naye abaali balunda embizzi ne badduka ne bagenda mu kibuga ne
babuulira abantu byonna ebibaddewo, n’eby’abasajja abaaliko baddayi-
mooni.
34 Abantu b’omu kibuga bonna ne bafuluma okujja okusisinkana Yesu.
Bwe baamulaba ne bamwegayirira abaviire mu kitundu kyabwe.

## 9

### *Yesu Awonya eyali Akoozimbye*

1 Awo Yesu n’asaabala mu lyato n’awunguka n’atuuka mu kibuga
ky’ewaabwe, Kaperunawumu.

* **8:30** eggana ly’embizzi Bannamawanga bangi abaabeeranga mu Ggaliraaya kyewaava wabeerayo embizzi nnyingi. Abayudaaya tebaalundanga mbizzi kubanga gye bali, kisolo ekitali kirongoofu.

[2] Amangwago ne bamuleetera omuntu eyali akoozimbye nga bamusit-
ulidde ku katanda. Bwe yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba omulwadde
nti, "Mwana wange, guma omwoyo, nkusonyiye ebibi byo!"
[3] Naye waaliwo abamu ku bannyonnyozi b'amateeka ne boogeraganya
bokka na bokka nti, "Omuntu ono avvoola! Alowooza nti Ye Katonda!"
[4] Yesu n'amanya bye balowooza. N'abagamba nti, "Lwaki mubeera
n'ebirowoozo ebibi mu mitima gyammwe?
[5] Ekyo buli muntu ayinza okukyogera, kubanga kwogera bwogezi.
[6] Naye mutegeere nga Omwana w'Omuntu alina obuyinza ku nsi
okusonyiwa ebibi." Awo n'agamba akoozimbye nti, "Yimirira weetikke
akatanda ko, weddireyo ewammwe!"
[7] N'ayimirira ng'awonye, ne yeddirayo eka.
[8] Naye abantu abaali mu bibiina bwe baalaba ekyamagero kino ne
beewuunya nnyo! Ne bagulumiza Katonda eyawa abantu obuyinza
obwenkaniddaawo!

*Okuyitibwa kwa Matayo*

[9] Awo Yesu bwe yava mu kifo ekyo n'alaba omuntu, erinnya lye
Matayo, ng'atudde mu kifo we basolooleza omusolo, n'amugamba nti,
"Ngoberera." Bw'atyo naye n'asitukiramu n'agoberera Yesu.
[10] Awo Yesu bwe yali ng'atudde ku mmere mu nnyumba ya Matayo,
abawooza bangi n'abantu abaali bamanyiddwa mu kitundu ekyo nti babi
ne bajja ne batuula naye n'abayigirizwa be ku mmere ne balya.
[11] Naye Abafalisaayo bwe baakiraba, ne bagamba abayigirizwa be nti,
"Lwaki Mukama wammwe alya n'abawooza n'abantu abalina ebibi?"
[12] Yesu bwe yawulira n'abaddamu nti, "Abalamu tebeetaaga musawo
wabula abalwadde.
[13] Mugende muyige amakulu g'Ekyawandiikibwa kino nti, 'Ssad-
daaka zammwe n'ebirabo byammwe si bye neetaaga, wabula neetaaga
mubeerenga ba kisa.' Najjirira kuyita boonoonyi, so sajjirira abo
abeerowooza nti batuukirivu."
[14] Lwali lumu abayigirizwa ba Yokaana ne bajja eri Yesu ne bamubuuza
nti, "Lwaki abayigirizwa bo tebasiiba nga ffe n'Abafalisaayo bwe tukola?"
[15] Yesu n'ababuuza nti, "Mikwano gy'omugole bayinza okunakuwala
ng'omugole akyali nabo? Naye ekiseera kirituuka omugole lwalibaggib-
wako. Olwo nno balisiiba.
[16] "Tewali muntu atunga kiwero kiggya mu lugoye lukadde, kubanga,
ekiwero bwe kyetugga kiyuza olugoye olukadde, n'ekituli ne kigaziwa.
[17] Era tewali ateeka wayini musu mu nsawo ez'amaliba enkadde.
Ensawo* enkadde zaabika wayini n'ayiika n'ensawo ne zoonooneka.
Wayini omusu bamuteeka mu nsawo z'amaliba maggya, byombi ne
bitayonooneka."
[18] Bwe yali ng'akyayogera nabo omufuzi n'ajja, n'amusinza
n'amugamba nti, "Omwana wange omuwala anfuddeko, naye singa
ojja n'omukwatako anaalamuka."
[19] Yesu bwe yasituka n'abayigirizwa be okugenda mu maka g'omukulu
w'ekkuŋŋaaniro,
[20] omukazi eyali alwadde ekikulukuto ky'omusaayi, okumala emyaka
kkumi n'ebiri, n'ajja emabega we n'akoma ku lukugiro lw'ekyambalo kye.

---

* **9:17** Ensawo Ensawo ezoogerebwako wano zaali z'amaliba ga mbuzi. Wayini bwe yakaatuukanga, ng'ensawo zigaziwa, kumpi kwabika.

21 Kubanga y'agamba mu mutima gwe nti, "Ne bwe nnaakoma obukomi
ku kyambalo kye nnaawona."
22 Yesu n'akyuka n'alaba omukazi n'amugamba nti, "Muwala, guma
omwoyo! Owonye olw'okukkiriza kwo." Omukazi n'awonera mu kiseera
ekyo.
23 Awo Yesu bwe yatuuka mu maka g'omufuzi n'asanga abafuuyi
b'amakondeere n'ekibiina nga kijagaladde,
24 n'agamba nti, "Mufulume kubanga omuwala tafudde wabula yeebase
bwebasi." Bonna ne bamusekerera nga bwe beesooza.
25 Naye abantu bwe bamala okufuluma, Yesu n'ayingira, n'akwata
omukono gw'omuwala, n'agolokosa omuwala.
26 Ebigambo ebyo ne bibuna mu kitundu ekyo kyonna.

### *Yesu Awonya Bamuzibe ne Bakiggala*

27 Awo Yesu bwe yava eyo, abazibe b'amaaso babiri ne bamugoberera
nga bwe baleekaana nti, "Ayi Omwana wa Dawudi, otusaasire!"
28 Bwe yatuuka mu nju, bamuzibe ne bajja w'ali. Yesu n'ababuuza
nti, "Mukkiriza nga nnyinza okubazibula amaaso?" Ne bamuddamu nti,
"Weewaawo, Mukama waffe."
29 Awo n'akoma ku maaso gaabwe n'abagamba nti, "Kale,
olw'okukkiriza kwammwe, kye musabye mukiweereddwa."
30 Amangwago amaaso gaabwe ne gazibuka. Yesu n'abakuutira nnyo
baleme kubuulirako muntu yenna ng'abagamba nti, "Mulabe nga tewaba
n'omu ategeera bibaddewo."
31 Naye bwe baava awo, ne bagenda nga basaasaanya ebigambo ebyo,
nga babuulira buli muntu gwe baasisinkananga mu kitundu ekyo.
32 Awo Yesu ne be yali nabo, bwe baali bafuluma ne bamuleetera kiggala
eyali tayogera kubanga yaliko dayimooni.
33 Yesu n'amugobako dayimooni, era amangwago abadde kiggala
n'ayogera. Ekibiina ky'abantu ne beewuunya nnyo nga bagamba nti,
"Kino tekibangawo mu Isirayiri."
34 Naye Abafalisaayo ne bagamba nti, "Agoba baddayimooni lwa
kubanga ye mukulu wa baddayimooni!"
35 Yesu n'agenda ng'ayita mu bibuga byonna eby'omu kitundu ekyo,
ne mu byalo ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, era ng'abuulira
Enjiri ey'obwakabaka. Era buli we yatuukanga n'awonya abalwadde
n'abakoozimbye bonna.
36 Awo bwe yatunuulira ekibiina ky'abantu nga bajja gy'ali, nga bakooye
nnyo, era nga basaasaanye ng'endiga ezitalina musumba, n'abasaasira
nnyo.
37 N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye
abakozi abakungula batono.
38 Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro
ye."

# 10

### *Yesu Atuma Abayigirizwa Ekkumi n'Ababiri*

1 Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, ne bajja gy'ali
n'abawa obuyinza okugobanga baddayimooni, n'okuwonyanga buli nd-
wadde n'okukozimba ebya buli ngeri.

2 Amannya g'abayigirizwa ekkumi n'ababiri ge gano:

Simooni, ayitibwa Peetero; ne Andereya, muganda wa Peetero;
ne Yakobo, omwana wa Zebbedaayo; ne Yokaana, muganda wa Yakobo;
3 Firipo; ne Battolomaayo;
ne Tomasi; ne Matayo, omusolooza w'omusolo;
ne Yakobo, omwana wa Alufaayo; ne Saddayo;
4 ne Simooni, Omukananaayo; ne Yuda Isukalyoti, eyalya mu Yesu
olukwe.

5 Abo ekkumi n'ababiri Yesu n'abatuma ng'abalagira nti: "Temugenda
eri bannamawanga wadde mu kibuga ky'Abasamaliya.
6 Naye mugende eri abaana ba Isirayiri, endiga za Katonda ezaabula.
7 Mugende mubabuulire nti, 'Obwakabaka obw'omu ggulu busem-
bedde.'
8 Muwonye abalwadde, muzuukize abafu, mulongoose abagenge, era
mugobe ne baddayimooni. Muweereddwa buwa nammwe muwenga
buwa.
9 "Temubanga na zaabu oba ffeeza wadde ekikomo mu nkoba zammwe,
10 wadde ensawo ey'oku mugongo, wadde essaati ebbiri, wadde omu-
gogo gw'engatto omulala, wadde omuggo. Kubanga omukozi asaanira
okuweebwa eby'okumuyamba.
11 Buli kibuga oba kyalo mwe mutuukanga, munoonyengamu amaka
g'omuntu asaanidde, musulenga omwo okutuusa lwe mulivaayo.
12 Bwe muyingiranga mu nnyumba mubeeyanjulire, amaka ago mugala-
genga okwagala kwammwe.
13 Amaka ago bwe gabanga ag'abantu abasaanidde, emirembe
gyammwe ginaabeeranga ku bo, naye bwe gatabanga bwe gatyo emirembe
gyammwe ginaabaddiranga.
14 Buli atabasembezenga wadde okuwuliriza ebigambo byammwe, bwe
mubanga muva mu kibuga ekyo oba mu nnyumba eyo, mukunkumulanga
enfuufu* ey'oku bigere byammwe.
15 Ddala ddala mbagamba nti ensi ya Sodomu ne Ggomola ziriweebwa
ekibonerezo ku lunaku olw'okusalirako omusango ekirigumiikirizika
okukira ekibuga ekyo oba amaka ago.
16 "Laba mbatuma ng'endiga mu misege. Noolwekyo mubeere
bagezigezi ng'emisota, era abataliiko kya kunenyezebwa ng'amayiba.
17 Mwekuume abantu! Kubanga balibawaayo eri enkiiko z'Abakadde,
ne mu makuŋŋaaniro gaabwe, ne babakuba emigo.
18 Mulitwalibwa mu maaso ga bagavana ne bakabaka ku lwange, okuba
abajulirwa eri bo n'abannaggwanga.
19 Bwe muweebwangayo, temweraliikiriranga kye munaawoza, kubanga
kinaabaweebwanga mu kiseera ekyo.
20 Kubanga si mmwe mugenda okwogera wabula Omwoyo wa Kita-
mmwe y'alyogerera mu mmwe!
21 "Owooluganda aliwaayo muganda we okuttibwa era n'abazadde
baliwaayo abaana baabwe okuttibwa. Abaana nabo balyefuukira bazadde
baabwe ne babatta.
22 Mulikyayibwa abantu bonna olw'erinnya lyange. Naye oyo aligumi-
ikiriza okutuuka ku nkomerero alirokolebwa.

* **10:14** Omuntu okukunkumulira omulala enfuufu y'ebigere bye, kaali kabonero akaakolebwanga Abafalisaayo nga bava mu bitundu bannamawanga gye baabeeranga, ebyalowoozebwanga okuba ebitali birongoofu.

23 Bwe babayigganyanga mu kibuga ekimu muddukirenga mu kirala!
Ddala ddala mbagamba nti muliba temunnabuna bibuga bya Isirayiri,
Omwana w'Omuntu n'ajja.

24 "Omuyigirizwa tasinga amusomesa, so n'omuddu tasinga mukama
we.
25 Kirungi omuyigirizwa okuba ng'omusomesa we, n'omuddu okuba nga
mukama we. Obanga nnannyinimu ayitibwa Beeruzebuli, tekisingawo
nnyo ku b'omu nju ye.

26 "Noolwekyo temubatyanga. Teri kyakisibwa ekitalimanyibwa, era
tewali kyakwekebwa ekitalizuulibwa.
27 Buli kye mbabuulira mu kizikiza mukyogereranga mu musana, na
buli kye mbagamba mu kaama, nakyo mukyasanguzanga waggulu ku
nnyumba.
28 Era temubatyanga abo abatta omubiri kubanga tebasobola kutta
mwoyo! Naye mutyenga oyo yekka, ayinza okuzikiriza byombi omwoyo
n'omubiri mu ggeyeena.
29 Enkazaluggya ebbiri tezigula sente emu? Naye tewali n'emu ku zo
eyinza okuttibwa nga Kitammwe tamanyi.
30 Era buli luviiri oluli ku mitwe gyammwe lwabalibwa.
31 Kale temweraliikiriranga kubanga mmwe muli ba muwendo munene
eri Kitammwe okusinga enkazaluggya ennyingi.
32 "Buli muntu alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu
maaso ga Kitange ali mu ggulu.
33 Na buli muntu alinneegaanira mu maaso g'abantu, nange ndimwe-
gaanira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu.
34 "Temulowooza nti najja okuleeta emirembe ku nsi! Sajja kuleeta
mirembe wabula ekitala.
35 Kubanga najja okwawukanya
" 'omwana owoobulenzi ne kitaawe,
n'omwana owoobuwala ne nnyina
n'okwawukanya muka mwana ne nnyazaala we.
36 Abalabe b'omuntu banaabanga ba mu nju ye.'
37 "Oyo ayagala kitaawe oba nnyina okusinga Nze tansaanira, n'oyo
ayagala mutabani we oba muwala we okusinga Nze naye tansaanira.
38 N'oyo ateetikkenga musaalaba gwe n'angoberera tansaanira.
39 Omuntu ayagala ennyo obulamu bwe alibufiirwa, naye alifiirwa
obulamu bwe ku lwange, alibulokola.
40 "Buli abasembeza, aba asembezezza Nze, ate asembeza Nze aba
asembezezza oyo eyantuma.
41 Oyo asembeza nnabbi mu linnya lya nnabbi, alifuna empeera y'emu
nga nnabbi. Era buli anaasembezanga omuntu omutuukirivu mu linnya
ly'omuntu omutuukirivu, alifuna empeera y'emu ng'ey'omutuukirivu.
42 Ddala ddala mbagamba nti buli aliwa omu ku baana bano
abato egiraasi y'amazzi agannyogoga olw'erinnya ly'omuyigiriza talirema
kuweebwa mpeera ye."

# 11

*Yesu ne Yokaana Omubatiza*

1 Awo Yesu bwe yamala okulagira abayigirizwa be ekkumi n'ababiri
n'avaayo n'agenda okubuulira n'okuyigiriza mu bibuga byabwe.

2 Yokaana Omubatiza, eyali omusibe mu kkomera mu kiseera ekyo, bwe
yawulira emirimu Kristo gye yali akola, n'amutumira abayigirizwa be.
3 Ne babuuza Yesu nti, "Ggwe wuuyo gwe tubadde tulindirira, nantiki
tulindirireyo omulala?"
4 Yesu n'abaddamu nti, "Muddeeyo eri Yokaana mumugambe bye
mulaba ne bye muwulira.
5 Abazibe b'amaaso balaba, n'abalema batambula. Abagenge ba-
longoosebwa ne bakiggala bawulira, n'abafu bazuukizibwa n'abaavu
babuulirwa Enjiri.
6 Era mumumpeere obubaka buno nti, 'Alina omukisa oyo atanneesitta-
lako.' "
7 Awo abayigirizwa ba Yokaana Omubatiza bwe baamala okugenda,
Yesu n'ategeeza abantu ebya Yokaana nti, "Bwe mwagenda mu ddungu
mwagenderera kulaba ki? Olumuli olunyeenyezebwa n'empewo?
8 Naye kiki kye mwagenda okulaba? Omuntu ayambadde engoye
ezinekaaneka? Laba abambala engoye ennungi babeera mu mbiri za
bakabaka.
9 Naye mwagenda kulaba ki? Nnabbi. Weewaawo ka mbabuulire, oyo
asinga ne nnabbi.
10 Kubanga ye oyo ayogerwako mu Byawandiikibwa nti,
" 'Ndiweereza omubaka wange akukulembere,
alikuteekerateekera ekkubo nga tonnajja.'
11 Ddala ddala mbagamba nti tewabangawo muntu eyazaalibwa omukazi
asinga Yokaana Omubatiza. Naye asembayo okuba omukulu mu bwak-
abaka obw'omu ggulu asinga Yokaana.
12 Era okuva mu biro bya Yokaana Omubatiza n'okutuusa kaakano, ob-
wakabaka obw'omu ggulu buyingirwa n'amaanyi, era abantu ab'amaanyi
ennyo be babutwala.
13 Kubanga amateeka gonna era n'obunnabbi byonna byayogera oku-
tuukira ddala ku Yokaana.
14 Era obanga mwagala okukkiriza, ye Eriya anaatera okujja.
15 Alina amatu agawulira, awulire."
16 "Eggwanga lino nnaaligeraageranya ku ki? Bafaanana ng'abaana
abato abazannya emizannyo gyabwe mu katale, nga bagamba bato
bannaabwe nti,
17 " 'Twabafuuyira omulere,
ne mutazina;
ne tuyimba oluyimba olw'okukungubaga,
ne mutakungubaga.'
18 Kubanga Yokaana eyali talya wadde okunywa yajja ne mugamba nti,
'Aliko dayimooni.'
19 Omwana w'Omuntu, bwe yajja ng'alya era ng'anywa, ne boogera nti,
'Wa mululu, muntu munywi, era mukwano gw'abasolooza b'omusolo
n'aboonoonyi. B'abeeramu!' So nga amagezi geeragira mu bikolwa."
20 Yesu n'anenya nnyo ebibuga mwe yakolera ebyamagero ebisinga
obungi, kubanga tebeenenya.
21 "Zikusanze, ggwe Kolaziini! Zikusanze ggwe Besusayida! Kubanga
ebyamagero bye nakolera mu mmwe, singa nabikolera mu Ttuulo ne mu
Sidoni, bandibadde beenenya dda nga bali mu bibukutu n'evvu ku mitwe
gyabwe.
22 Ddala ddala Ttuulo ne Sidoni biriyisibwa bulungiko okusinga mmwe
ku lunaku olw'okusalirako omusango!

23 Naawe Kaperunawumu, newaakubadde nga wagulumizibwa oku-
tuuka eggulu gye likoma, naye oliserengesebwa wansi emagombe.
Kubanga ebyamagero eby'ekitalo ebyakolebwa ewuwo, singa byakolerwa
mu Sodomu, kyandibadde kikyaliwo ne leero.
24 Ddala ddala Sodomu kigenda kuyisibwa bulungiko, okusinga ggwe, ku
lunaku olw'okusalirako omusango!"

*Abakooye n'Abazitooweredd wa*

25 Yesu n'asaba bw'ati nti, "Ayi Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, nkwe-
baza kubanga ebigambo byo bino eby'amazima wabikisa abo abeeyita
ab'amagezi ennyo, naye n'obibikkulira abaana abato.
26 Weewaawo Kitange, bw'otyo bwe wasiima."
27 "Kitange yankwasa ebintu byonna era Kitange yekka y'amanyi
Omwana, nange Omwana Nze nzekka Nze mmanyi Kitange, n'abo
Omwana b'aba ayagadde okulaga Kitaawe nabo bamumanyi."
28 "Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa,
nange nnaabawummuza.
29 Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi mu-
wombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna
ekiwummulo.
30 Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa."

# 12

*Mukama wa Ssabbiiti*

1 Awo mu kiseera ekyo Yesu n'ayita mu nnimiro y'emmere ey'empeke
ku lunaku lwa Ssabbiiti. Abayigirizwa be ne balumwa enjala ne batandika
okunoga ebirimba by'eŋŋaano ne babirya.
2 Naye Abafalisaayo bwe baalaba kino ne bagamba Yesu nti, "Laba
abayigirizwa bo bakola ekitakkirizibwa kukolebwa ku Ssabbiiti."
3 Naye Yesu n'abaddamu nti, "Temusomanga ku Dawudi kye yakola bwe
yalumwa enjala ne be yali nabo?
4 Yayingira mu nnyumba ya Katonda n'alya emigaati egy'okulaga,
egikkirizibwa bakabona bokka okulya.
5 Oba temusomanga mu mateeka nti bakabona ababeera mu luwalo
lw'okuweereza mu Yeekaalu ne basobya ku Ssabbiiti tebaliiko musango?
6 Naye mbagamba nti ekisinga Yeekaalu kiri wano.
7 Naye singa mumanyi amakulu ga kino nti, 'Njagala mubeerenga ba kisa
okusinga okuwangayo ssaddaaka,' temwandinenyezza bataliiko musango.
8 Kubanga Omwana w'Omuntu ye Mukama wa Ssabbiiti."
9 N'avaayo n'ajja mu kuŋŋaaniro lyabwe.
10 Laba mwalimu omusajja eyalina omukono ogwakala. Ne babuuza
Yesu obanga kikkirizibwa okuwonya ku Ssabbiiti.* Baali basuubira nti
anaddamu nti kituufu, balyoke bamuwawaabire.
11 Naye n'abaddamu nti, "Singa wabaddewo omuntu mu mmwe ng'alina
endiga emu, n'egwa mu bunnya ku lunaku lwa Ssabbiiti, tagiggyamu?
12 Kale, omuntu tasinga nnyo endiga omuwendo? Noolwekyo kikkiriz-
ibwa okukola ekirungi ku Ssabbiiti."

* **12:10** Okuwonyezebwa ku Ssabbiiti kyali tekikkirizibwa bayigiriza b'amateeka okuggyako nga kirowoozebwa okuba ng'omuntu oyo omulwadde taalame okutuusa enkeera. Omusajja eyali akozimbye omukono yali tagenda kufa ku lunaku olwo lwennyini wadde enkeera

13 Bw'atyo n'agamba omusajja nti, "Golola omukono gwo." N'agugolola
ne guwona, ne guba mulamu nga gunnaagwo!
14 Awo Abafalisaayo ne bafuluma ne bateesa nga bwe banaazikiriza
Yesu.

### *Omuweereza wa Katonda*

15 Naye Yesu bwe yakimanya n'afuluma mu kuŋŋaaniro, abantu bangi
nnyo ne bamugoberera, n'awonya abaali abalwadde bonna,
16 kyokka n'abakomako baleme okumwatuukiriza.
17 Ebyayogerwa Nnabbi Isaaya biryoke bituukirire nti:
18 "Laba Omuweereza wange, ggwe neerondera,
gwe njagala ennyo asanyusa emmeeme yange.
Ndimuteekako Omwoyo wange
era Alisalira amawanga gonna emisango.
19 Taliyomba so talireekaana,
era tewaliba n'omu aliwulira eddoboozi lye mu nguudo.
20 Talimenya lumuli lunafu,
wadde okuzikiriza
olutambi lw'ettaala olunyooka.
21 Era abamawanga baliba n'essuubi mu linnya lye."

### *Yesu ne Beeruzebuli*

22 Awo Yesu ne bamuleetera omusajja eyaliko dayimooni, nga muzibe
w'amaaso era nga tayogera. N'amuwonya, omusajja eyali tasobola
kwogera n'asobola okwogera n'okulaba.
23 Abantu bonna ne beewuunya ne boogera nti, "Ddala ddala ono si
mwana wa Dawudi?"
24 Naye Abafalisaayo bwe baakiwulira ne boogera nti, "Ono agoba
baddayimooni ku bwa Beeruzebuli omukulu wa baddayimooni."
25 Yesu bwe yategeera ebirowoozo byabwe n'abagamba nti, "Ob-
wakabaka bwe bwawukanamu, oba ekibuga wadde amaka, tebiyinza
kuyimirira.
26 Ne Setaani bw'agoba Setaani munne ku muntu aba yeyawuddemu.
Obwakabaka bwe bunaayimirira butya?
27 Obanga Nze ngoba baddayimooni ku bwa Beeruzebuli omukulu wa
baddayimooni, kale batabani bammwe babagoba ku bw'ani? Noolwekyo
be bali basalira omusango.
28 Naye bwe mba ngoba baddayimooni n'amaanyi g'Omwoyo wa
Katonda, kale Obwakabaka bwa Katonda buzze gye muli.
29 "Oba omuntu ayinza atya okuyingira mu nnyumba y'omuntu
ow'amaanyi, n'amunyagako ebintu bye okuggyako ng'asooka okusiba
ow'amaanyi oyo? Olwo n'alyoka anyaga ebintu bye.
30 "Oyo atali nange, mulabe wange. N'oyo atakuŋŋaanyiza wamu nange
asaasaanya.
31 Noolwekyo mbategeereza ddala nti omuntu alisonyiyibwa buli kibi
kyonna, na buli kuvvoola. Naye alivvoola Mwoyo Mutukuvu talisonyiy-
ibwa.
32 Na buli muntu ayogera ekigambo ekibi ku Mwana w'Omuntu
alisonyiyibwa, naye ayogera ekibi ku Mwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa
mu mulembe guno wadde ogugenda okujja.
33 "Buli muti gutegeererwa ku bibala byagwo. Omuti bw'ogulabirira
gubala ebibala ebirungi, naye bw'ogulagajjalira tegubala bibala.

34 Mmwe abaana b'embalasaasa, mmwe abalina ebibi muyinza mutya okwogera ebirungi? Akamwa koogera ku biba bijjudde mu mutima.

35 Omuntu omulungi afulumya ebirungi okuva mu tterekero lye eddungi, era n'omuntu omubi afulumya ebibi okuva mu tterekero lye ebbi.

36 Era mbategeeza nti buli kigambo kyonna ekitasaana abantu kye boogera, kiribabuuzibwa ku lunaku olw'okusalirako emisango.

37 Bwe bityo ebigambo byo bye birikuweesa obutuukirivu era ebigambo byo bye birikusalizisa omusango."

### *Akabonero ka Nnabbi Yona*

38 Awo abamu ku bannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne bagamba Yesu nti, "Omuyigiriza twagala otulage akabonero."

39 Naye n'abaddamu nti, "Omulembe omwonoonefu era omwenzi ogunoonya akabonero; temugenda kuweebwa kabonero okuggyako aka nnabbi Yona.

40 Kubanga Yona nga bwe yamala mu lubuto lw'ekyennyanja ekinene ennaku ssatu emisana n'ekiro, n'Omwana w'Omuntu bw'atyo bw'alimala mu ttaka ennaku ssatu emisana n'ekiro.

41 Abantu b'e Nineeve baliyimirira ne basaliza abantu b'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga beenenya bwe baawulira okubuulira kwa Yona. Naye laba asinga Yona ali wano.

42 Era ku lunaku olw'okusalirako omusango, kabaka omukazi ow'omu bukiikaddyo alisaliza abantu ab'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga yava ku nkomerero y'ensi okujja okuwuliriza amagezi ga Sulemaani. Naye laba asinga Sulemaani ali wano.

43 "Omwoyo ogutali mulongoofu bwe guva mu muntu guyita mu malungu nga gunoonya aw'okuwumulirako, ne gutafuna wa kuwummulira.

44 Kyeguva gugamba nti, 'Leka nzireyo mu nnyumba mwe nava.' Bwe guddayo gusanga nkalu, nga eyereddwa era nga ntegeke.

45 Kyeguva gugenda ne guleeta emyoyo emirala musanvu egigusingako obwonoonefu, ne giyingira mu nnyumba omwo ne gibeera omwo. Olwo omuntu oyo n'abeera bubi nnyo okusinga bwe yali okusooka. Bwe kityo bwe kiriba n'omulembe guno omwonoonefu."

### *Yesu ne Baganda be ne Nnyina*

46 Yesu bwe yali akyayogera n'ekibiina, nnyina ne baganda be ne batuuka ne bayimirira ebweru nga baagala okwogera naye.

47 Omuntu omu n'amutegeeza nti, "Nnyoko ne baganda bo, bali wabweru baagala kwogera nawe."

48 Yesu n'amuddamu nti, "Mmange ye ani era ne baganda bange be baani?"

49 N'agolola omukono gwe eri abayigirizwa be n'agamba nti, "Mulabe mmange ne baganda bange!

50 Kubanga buli akola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala oyo ye muganda wange, ye mwannyinaze era ye mmange."

## 13

### *Olugero lw'Omusizi*

1 Ku lunaku olwo Yesu n'afuluma mu nnyumba n'agenda n'atuula ku lubalama lw'ennyanja.

2 Ekibiina kinene ne kimukuŋŋaanirako. Kwe kuyingira mu lyato
n'atuula omwo abantu bonna ne bayimirira ku lubalama.
3 N'ababuulira ebintu bingi mu ngero ng'agamba nti, "Omulimi yali
asiga ensigo mu nnimiro ye.
4 Bwe yagenda ng'amansa ensigo, ezimu ne zigwa ku mabbali g'ekkubo,
ennyonyi ne zijja ne zizirya.
5 Endala ne zigwa ku lwazi okutali ttaka lingi era ne zimera mangu
kubanga ettaka teryali ggwanvu.
6 Naye omusana bwe gwayaka ne ziwotoka kubanga emirandira gyazo
gyali kumpi.
7 Endala ne zigwa mu maggwa, bwe zaamera amaggwa nago ne gakula
ne gazisinga amaanyi, obulimi obwali bwakamera ne bukala.
8 Endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ne zimera ne zibala bulungi, ne
zivaamu emirundi amakumi asatu, n'endala emirundi nkaaga n'endala
emirundi kikumi.
9 Alina amatu agawulira, awulire."

10 Abayigirizwa be ne bamusemberera ne bamubuuza nti, "Lwaki
oyogera nabo mu ngero?"

11 N'abaddamu nti, "Mmwe mulina omukisa kubanga mwaweebwa
okutegeera ebyama eby'obwakabaka obw'omu ggulu, naye bo tebaaki-
weebwa.
12 Kubanga buli alina alyongerwako abeerere ddala na bingi, naye oyo
atalina aliggyibwako n'ako akatono k'alina.
13 Kyenva njigiriza mu ngero:

"Abalaba baleme okulaba,
n'abawulira baleme okuwulira wadde okutegeera.

14 Kino kituukiriza nnabbi Isaaya kye yagamba nti,

" 'Muliwulira naye temulitegeera
n'okulaba muliraba naye temulimanya.

15 Kubanga omutima gw'abantu bano
gwesibye,
n'amatu gaabwe tegawulira bulungi.
N'amaaso gaabwe gazibiridde baleme okulaba n'amaaso wadde
okuwulira n'amatu,
wadde omutima gwabwe okutegeera,
ne bakyuka
ne mbawonya.'

16 Naye amaaso gammwe galina omukisa, kubanga galaba, n'amatu
gammwe kubanga gawulira.
17 Ddala ddala mbagamba nti, Waaliwo bannabbi bangi, n'abatuukirivu
bangi abeegombanga okulaba ku bino bye mulaba, n'okuwulira bye
muwulira kyokka ne batafuna mukisa ogwo.

18 "Noolwekyo muwulirize olugero lw'omulimi eyasiga ensigo.
19 Ensigo eyagwa ku mabbali g'ekkubo efaanana ng'omuntu awulira
ekigambo kya Katonda n'atakitegeera era omulabe Setaani n'ajja
n'akimusikulako okuva ku mutima.
20 Ensigo eyagwa ku byaziyazi efaanana ng'omuntu awulira ekigambo,
amangwago n'akyaniriza n'essanyu,
21 naye olw'okuba nga talina mmizi mu ye, wa kaseera buseera, ennaku
n'okuyigganyizibwa bwe bijja olw'ekigambo, amangwago n'agwa.

22 N’ensigo eyagwa mu maggwa efaanana ng’omuntu awulira ekigambo
naye okweraliikirira kw’ebintu by’ensi n’obugagga obutaliimu ne bibuu-
tikira ekigambo ne kitabala bibala.
23 Naye ensigo eyagwa ku ttaka eddungi efaanana ng’omuntu awulira
ekigambo n’akitegeera, n’abalira ddala ebibala, n’abala ebibala amakumi
asatu, oba nkaaga oba kikumi.”
24 N’abagerera olugero olulala nti, “Obwakabaka obw’omu ggulu bu-
faanana n’omuntu eyasiga ensigo ennungi mu nnimiro ye,
25 naye ekiro nga yeebase abasajja abalabe ne bajja ne basiga omuddo
wakati mu ŋŋaano ye ne bagenda.
26 Naye eŋŋaano ennungi bwe yamera, n’omuddo ne gumerera wamu
nayo.
27 “Naye abaddu b’omwami w’ennyumba bwe baamusemberera ne
bamugamba nti, ‘Mukama waffe, tewasiga nsigo nnungi mu nnimiro yo?
Naye ate omuddo guvudde wa?’
28 “Ye n’abaddamu nti, ‘Omulabe ye yakola ekyo.’ Abaddu kyebaava
bamubuuza nti, ‘Tugende tugukoolemu?’
29 “N’abaddamu nti, ‘Nedda, kubanga bwe munaaba mukuulamu
omuddo mujja kukuuliramu n’eŋŋaano.
30 Kale mubireke byonna bikulire wamu, okukungula bwe kulituuka
ne ndyoka ndagira abakunguzi basooke bakuŋŋaanye omuddo bagusi-
beko n’oluvannyuma bagwokye, naye yo eŋŋaano bagikuŋŋaanyize mu
tterekero lyange.’ ”

### *Olugero lw’Akaweke ka Kaladaali n’olw’Ekizimbulukusa*

31 N’abagerera olugero olulala ng’agamba nti, “Obwakabaka obw’omu
ggulu bufaanana ng’akaweke ka kaladaali, omusajja ke yasiga mu
nnimiro.
32 Kaladaali kaweke katono nnyo okusinga ensigo endala zonna. Naye
bwe kasimbibwa ne kakula kavaamu omuti omunene ennyo, n’ennyonyi
ez’omu bbanga ne zijja ne zibeera ku matabi gaagwo.”
33 N’abongerayo olugero olulala nti, “Obwakabaka obw’omu ggulu
buyinza okugeraageranyizibwa n’ekizimbulukusa omukazi kye yakweka
mu buwunga bw’eŋŋaano, n’apima ebigero bisatu okutuusa lwe bwazim-
bulukuka bwonna.”
34 Bino byonna Yesu yabyogerera mu ngero eri ebibiina era teyayogera
gye bali awatali ngero.
35 Ekyayogerwa nnabbi ne kiryoka kituukirira nti,
“Ndyogerera mu ngero,
njogere ebintu ebyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw’ensi.”

### *Okunnyonnyola Olugero lw’Eŋŋaano y’omu Nsiko*

36 Awo bwe yamala okusiibula ekibiina n’ayingira mu nnyumba, abayi-
girizwa be ne bamusemberera ne bamusaba abannyonnyole amakulu
g’olugero lw’omuddo ogwali mu nnimiro.
37 N’abannyonnyola ng’agamba nti, “Omwana w’Omuntu ye yasiga
ensigo ennungi.
38 Ennimiro y’ensi, n’ensigo ennungi be baana b’obwakabaka, naye
omuddo be baana ba Setaani.
39 Omulabe eyasiga ensigo ez’omuddo ye Setaani, amakungula
y’enkomerero y’ensi n’abakunguzi be bamalayika.
40 “Noolwekyo ng’omuddo bwe gwakuŋŋaanyizibwa ne gwokebwa mu
muliro, bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y’ensi.

41 Omwana w'Omuntu alituma bamalayika be mu bwakabaka bakuŋŋaanye ebintu byonna ebyesittaza, n'abajeemu,
42 babasuule mu nkoomi y'omuliro. Omwo mwe muliba okukaaba n'okuluma obujiji.
43 Naye abatuukirivu balyakaayakana ng'enjuba mu bwakabaka bwa Kitaabwe. Alina amatu agawulira, awulire.
44 "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'ekyobugagga ekyakwekebwa* mu nnimiro omuntu omu bwe yakigwikiriza. Olw'essanyu lye yafuna n'agenda n'atunda bye yalina byonna, n'agula ennimiro eyo.
45 "Ate era obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ng'omusuubuzi w'amayinja ag'omuwendo omungi eyali anoonya amayinja ag'omuwendo,
46 bwe yazuula ejjinja erimu ery'omuwendo n'agenda n'atunda bye yalina byonna n'aligula.

### *Olugero lw'Akatimba*

47 "Era obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ng'akatimba akategebwa mu nnyanja ne kakwasa ebyennyanja ebya buli ngeri,
48 akatimba bwe kajjula ne bakawalulira ku lubalama ne balondamu ebirungi nga babikuŋŋaanyiza mu bisero, ebibi nga babisuula.
49 Bwe kiriba bwe kityo ne ku nkomerero y'ensi, bamalayika balijja ne baawulamu abantu abatuukirivu n'ababi.
50 Ababi balibasuula mu nkoomi y'omuliro eriba okukaaba n'okuluma obujiji."
51 Yesu n'ababuuza nti, "Ebintu bino byonna mubitegedde?"
Ne bamuddamu nti, "Weewaawo."
52 Kyeyava abagamba nti, "Noolwekyo omuwandiisi eyayiga obulungi amateeka g'Ekiyudaaya ate n'afuuka omuyigiriza w'obwakabaka obw'omu ggulu, ali ng'omusajja nnyini nnyumba, aggyayo mu tterekero lye ebipya n'ebikadde."

### *Yesu Bamwegana e Nazaaleesi*

53 Awo Yesu bwe yamala okugera engero ezo n'avaayo,
54 n'addayo mu kibuga ky'ewaabwe n'ayigiriza mu kuŋŋaaniro lyabwe. N'abeewuunyisa ne bagamba nti, "Yaggya wa amagezi n'ebyamagero ebyo?"
55 Ne beebuuza nti, "Ono si ye mutabani w'omubazzi? Nnyina ye Maliyamu ne baganda be ba Yakobo, ne Yusufu, ne Simooni ne Yuda.
56 Ne bannyina babeera kuno. Kale, ebyo byonna yabiggya wa?"
57 Ne bamunyiigira nga balowooza nti abeeragirako. Naye Yesu n'abagamba nti, "Nnabbi aweebwa ekitiibwa mu buli kifo, okuggyako mu kitundu ky'ewaabwe ne mu nnyumba y'ewaabwe."
58 Era yakolerayo ebyamagero bitono olw'obutakkiriza bwabwe.

## 14

### *Yokaana Atemwako Omutwe*

1 Mu kiseera ekyo Kabaka Kerode bwe yawulira ettutumu lya Yesu
2 n'agamba abaweereza be nti, "Oyo ye Yokaana Omubatiza azuukidde mu bafu, era y'akola eby'amagero."

---

* **13:44** Mu biro ebyo eby'obugagga byakwekebwanga mu ttaka, kubanga tewaalingawo bbanka, newaakubadde nga waaliwo abawola ensimbi

3 Kuba Kerode yali amaze okukwata Yokaana n’amussa mu kkomera, kubanga Yokaana yamunenya olwa Kerodiya muka Firipo muganda we,

4 kubanga Yokaana yagamba Kerode nti, “Si kituufu okusigula muka muganda wo n’omufuula owuwo.”

5 Kerode yali ayagala kumutta naye n’atya abantu kubanga baalowooza Yokaana okuba nnabbi.

6 Olunaku lw’amazaalibwa ga Kerode bwe lwatuuka muwala wa Kerodiya n’azina nnyo ku mbaga n’asanyusa nnyo Kerode.

7 Awo Kerode n’asuubiza omuwala ng’alayira okumuwa kyonna ky’anaamusaba.

8 Naye bwe yaweebwa nnyina amagezi, n’agamba nti, “Mpeera wano omutwe gwa Yokaana Omubatiza ku lusaniya.”

9 Ekintu ekyo ne kinakuwaza nnyo kabaka. Naye olwokubanga yali yakisuubiza mu maaso g’abagenyi be, kyeyava alagira bagumuleetere.

10 Ne bagenda mu kkomera, ne batemako Yokaana omutwe

11 ne baguleetera ku lusaniya ne baguwa omuwala, naye n’agutwalira nnyina.

12 Abayigirizwa ba Yokaana ne banonayo omulambo gwe ne bagutwala ne baguziika, ne balyoka bagenda ne babikira Yesu.

13 Yesu bwe yabiwulira ebyo, n’asaabala mu lyato, n’abaako gy’alaga abeere yekka mu kyama. Naye abantu bangi nnyo bwe baakiwulira ne bava mu bibuga bingi, ne beekooloobya, ne bamugoberera nga bayita ku lukalu.

14 Yesu bwe yava eyo n’alaba, abantu bangi n’abasaasira n’awonya abalwadde baabwe.

15 Obudde bwe bwawungeera abayigirizwa be ne bajja gy’ali ne bamugamba nti, “Laba obudde buzibye ate tuli mu ddungu, ssiibula abantu bagende beegulire emmere mu bibuga.”

16 Naye Yesu n’abaddamu nti, “Tekyetaagisa kubasiibula, mmwe mubawe ekyokulya.”

17 Ne bamuddamu nti, “Ffe tetulina kyakulya kiyinza kubamala, wabula tulinawo emigaati etaano gyokka n’ebyennyanja bibiri.”

18 N’abagamba nti, “Kale mubindetere wano.”

19 N’alagira ekibiina kituule wansi ku muddo, n’addira emigaati etaano n’ebyennyanja ebibiri, n’atunula waggulu ne yeebaza, emigaati n’agimenyaamenyamu n’agiwa abayigirizwa ne batandika okugabula ekibiina.

20 Bonna ne balya ne bakkuta; obutundutundu obwafikkawo ne babukuŋŋaanya wamu ne bujjuza ebisero kkumi na bibiri!

21 Abantu bonna abaalya baali ng’enkumi ttaano nga totaddeeko bakazi na baana.

### *Yesu Atambulira ku Mazzi*

22 Amangwago Yesu n’alagira abayigirizwa be basaabale eryato bagende emitala w’ennyanja, ye asigale ng’akyasiibula abantu.

23 Bwe yamala okusiibula ekibiina n’ayambuka ku lusozi yekka okusaba. Obudde ne buziba ng’ali eyo yekka.

24 Eryato abayigirizwa mwe baali bwe lyatuuka ebuziba, omuyaga mungi ne gubafuluma mu maaso eryato ne lyesunda.

25 Awo ku ssaawa nga mwenda ez’ekiro, Yesu n’ajja gye bali ng’atambula ku nnyanja.

26 Naye abayigirizwa bwe baamulaba ng'atambulira ku nnyanja ne
batya, nga balowooza nti muzimu.
27 Awo amangwago Yesu n'abagamba nti, "Mugume, Nze nzuuno
temutya."
28 Peetero n'amugamba nti, "Obanga ye ggwe ddala Mukama waffe,
ndagira nange nzije gy'oli nga ntambulira ku mazzi."
29 Yesu n'amuddamu nti, "Kale jjangu." Peetero n'ava mu lyato
n'atambulira ku mazzi okugenda eri Yesu.
30 Naye Peetero bwe yalaba omuyaga ogw'amaanyi, n'atya n'atandika
okusaanawo, n'akoowoola Yesu nti, "Mukama wange, ndokola!"
31 Amangwago Yesu n'agolola omukono gwe n'amukwata, n'amugamba
nti, "Ggwe alina okukkiriza okutono, lwaki obuusizzabuusizza?"
32 Bwe baalinnya mu lyato omuyaga gwonna ne guggwaawo.
33 N'abo abaali mu lyato ne bamusinza nga bagamba nti, "Ddala ddala
oli Mwana wa Katonda!"
34 Bwe baasomoka ne bagukkira ku lukalu e Genesaleeti.
35 Abantu b'omu kitundu ekyo bwe baamutegeera ne batumya abal-
wadde bonna ne babamuleetera.
36 Ne bamwegayirira waakiri bakomeko bukomi ku lukugiro
lw'ekyambalo kye, era buli eyakomako n'awonyezebwa.

# 15

*Obulongoofu n'Obutali Bulongoofu*

1 Awo Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka ne bava e Yerusaalemi
ne bajja eri Yesu ne bamubuuza nti:
2 "Abayigirizwa bo lwaki banyoomoola obulombolombo bw'Abakadde?
Kubanga tebanaaba mu ngalo nga bagenda okulya emmere."
3 Naye Yesu naye n'ababuuza nti, "Lwaki mumenya amateeka ga
Katonda, nga mwerimbika mu bulombolombo bwammwe?
4 Katonda yagamba nti, 'Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa.
Oyo anaavumanga kitaawe ne nnyina battanga mutte,'
5 Naye mmwe mugamba nti, Buli agamba kitaawe oba nnyina nti,
'Ekirabo kye nandikuwadde nkiwaddeyo eri Katonda,' omuntu oyo
teyeetaaga kussaamu kitaawe kitiibwa.
6 Noolwekyo tassaamu kitaawe oba nnyina kitiibwa. Bwe mutyo ne
mudibya etteeka lya Katonda olw'obulombolombo bwammwe.
7 Mmwe bannanfuusi! Nnabbi Isaaya yayogera bulungi ebyobunnabbi
ebibakwatako bwe yagamba nti,
8 " 'Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa.'
Naye emitima gyabwe gindi wala.
9 'Okusinza kwabwe kwa bwereere.
Kubanga bayigiriza amateeka abantu ge beekoledde.' "
10 Yesu n'ayita ekibiina n'abagamba nti, "Mumpulirize era mutegeere.
11 Omuntu ky'alya si kye kimwonoonyesa, wabula ekyo ekiva mu kamwa
ke, kye kimwonoonyesa."
12 Abayigirizwa be ne bajja gy'ali ne bamugamba nti, "Omanyi ebigambo
byo nga bwe binyiizizza Abafalisaayo?"
13 Naye Yesu n'addamu nti, "Buli kisimbe Kitange ali mu ggulu
ky'ataasimba kigenda kusimbulwa.

14 Noolwekyo mubaleke. Bakulembeze abazibe b’amaaso. Bafaanana
omuzibe w’amaaso akulembera muzibe munne, kubanga bombi bagenda
kugwa mu kinnya.”
15 Peetero n’amugamba nti, “Tunnyonnyole olugero olwo.”
16 Yesu n’abagamba nti, “Nammwe era temunnategeera?
17 Temumanyi nti buli muntu ky’alya kigenda mu lubuto mwe kiva
n’akifulumiza mu kiyigo?
18 Naye ebintu ebiva mu kamwa, biva mu mutima ne byonoona omuntu.
19 Kubanga mu mutima mwe muva ebirowoozo ebibi, obussi, n’obwenzi,
eby’obukaba, n’obubbi, n’okuwaayiriza, n’okuvvoola.
20 Ebyo bye byonoona omuntu, naye okulya nga tonaabye mu ngalo,
tekwonoona muntu.”

### *Okukkiriza kw’Omukanani*

21 Yesu n’ava mu kifo ekyo, n’agenda mu kitundu omuli ebibuga Ttuulo
ne Sidoni.
22 Awo omukazi Omukanani eyali abeera mu bitundu ebyo, n’ajja
eri Yesu n’amwegayirira nti, “Onsaasire Mukama wange, Omwana wa
Dawudi! Muwala wange aliko dayimooni amubonyaabonya nnyo.”
23 Naye Yesu n’asirika n’atamuddamu kigambo na kimu. Abayigirizwa
be ne bajja ne bamugamba nti, “Bw’omugoba n’agenda. Ng’ayitirizza
okutukaabirira.”
24 Naye Yesu n’addamu omukazi nti, “Nze saatumibwa walala wonna,
wabula eri endiga za Isirayiri ezaabula.”
25 Naye omukazi n’asembera awali Yesu n’amusinza, n’amwegayirira
ng’agamba nti, “Mukama wange, nnyamba.”
26 Yesu n’amuddamu nti, “Si kituufu okuddira emmere y’omwana
okugisuulira embwa.”
27 Omukazi n’addamu nti, “Weewaawo, Mukama wange, naye n’embwa
nazo zirya ku bukunkumuka obugwa wansi okuva ku mmeeza ya mukama
waazo.”
28 Awo Yesu n’amugamba nti, “Mukazi watu, ng’okukkiriza kwo kunene!
Kale kikukolerwe nga bw’oyagala.” Amangwago muwala we n’awonera
mu kiseera ekyo.

### *Yesu Aliisa Enkumi Ennya*

29 Yesu n’avaayo n’ajja emitala okumpi n’ennyanja y’e Ggaliraaya
n’alinnya ku lusozi n’atuula eyo.
30 Abantu bangi ne bajja gy’ali, ne bamuleetera, abakoozimbye,
n’abatayogera n’abalala bangi ne babassa we yali n’abawonya.
31 Abantu bangi ne beewuunya, nga balaba ababadde batayogera nga
boogera, n’ababadde bakoozimbye nga bawonye, n’ababadde abalema
nga batambula, n’ababadde abazibe b’amaaso nga balaba. Ne bagulumiza
Katonda wa Isirayiri.
32 Awo Yesu n’ayita abayigirizwa be n’abagamba nti, “Abantu bano
mbasaasira, kubanga baakamala nange ennaku ssatu ate tebalina
kyakulya. Ssaagala kubasiibula ne bagenda enjala, si kulwa nga bagwa
ku kkubo.”
33 Abayigirizwa ne bamugamba nti, “Wano mu ddungu tunaggya wa
emigaati emingi gye tunaaliisa abantu abangi bwe bati?”
34 Yesu n’ababuuza nti, “Mulinawo emigaati emeka?” Ne bamuddamu
nti, “Tulinawo emigaati musanvu n’ebyennyanja bitono.”
35 Yesu n’alagira abantu bonna batuule wansi,

[36] n'addira emigaati omusanvu n'ebyennyanja, bwe yamala okwebaza, n'abimenyaamenyamu, n'awa abayigirizwa be ne batandika okugabula ekibiina.
[37] Buli muntu n'alya n'akkuta. Ne babukuŋŋaanya obutundutundu obwasigalawo ne bujjuza ebisero musanvu.
[38] Abaalya baawera abasajja enkumi nnya nga totaddeeko bakazi na baana.
[39] Awo Yesu n'asiibula ekibiina, n'asaabala mu lyato n'agenda mu nsalo y'e Magadani.

# 16

### *Okusaba Yesu Akabonero*

[1] Awo Abafalisaayo n'Abasaddukaayo ne bajja eri Yesu okumugezesa nga bamusaba akabonero akava mu ggulu.
[2] Naye Yesu n'abaddamu nti, "Obudde bwe buwungeera mugamba nti, obudde bujja kuba bulungi kubanga eggulu limyuse nnyo.
[3] Ate eggulu bwe limyuka ku nkya mumanya nti olunaku lwonna obudde bujja kwefuukuula. Mumanyi bulungi endabika y'eggulu n'okwawula ebiseera, naye lwaki temusobola kutegeera bubonero bwa biro?
[4] Mmwe ab'omulembe omwonoonefu era omwenzi musaba akabonero naye temuliweebwa kabonero okuggyako aka Yona." Yesu n'abaviira n'agenda.

### *Ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo*

[5] Abayigirizwa bwe baasomoka okuva emitala w'eri ne beerabira okuleeta emigaati.
[6] Naye Yesu n'abagamba nti, "Mwekuume ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo."
[7] Naye Abayigirizwa ne boogeraganya bokka ne bokka nti, "Ayogedde bw'atyo kubanga tetwaleese migaati."
[8] Yesu bwe yamanya ebirowoozo byabwe n'abagamba nti, "Mmwe abalina okukkiriza okutono lwaki mweraliikirira nga mugamba nti, 'temulina mmere?'
[9] Era temunnategeera wadde okujjukira emigaati etaano abantu enkumi ettaano gye baalya, n'ebisero bye mwakuŋŋaanya ebyafikkawo?
[10] Era n'emigaati omusanvu abantu enkumi ennya gye baalya n'ebisero bye mwakuŋŋaanya ebyafikkawo?
[11] Kale lwaki temutegeera nti mbadde ssoogera ku migaati? Naye mwekuume ekizimbulukusa eky'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo."
[12] Ne balyoka bategeera nti yali tayogera ku kizimbulukusa kya migaati naye yali ayogera ku njigiriza y'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo.

### *Peetero Ayatula Kristo*

[13] Awo Yesu bwe yatuuka mu kitundu kya Kayisaliya ekya Firipo n'abuuza abayigirizwa be nti, "Abantu Omwana w'Omuntu bagamba nti ye ani?"
[14] Ne bamuddamu nti, "Yokaana Omubatiza, abalala nti Eriya, n'abalala nti Yeremiya oba omu ku bannabbi."
[15] Awo Yesu n'ababuuza nti, "Mmwe mundowooza kuba ani?"
[16] Simooni Peetero n'addamu nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

17 Yesu n'amugamba nti, "Olina omukisa Simooni, omwana wa Yona, kubanga ekyo Kitange ali mu ggulu y'akikubikkulidde, so tokiggye mu bantu.
18 Era nkutegeeza nti, Ggwe Peetero, olwazi, era ku lwazi okwo kwe ndizimba Ekkanisa yange, n'amaanyi gonna aga Setaani tegaligiwangula.
19 Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga."
20 Awo n'akuutira abayigirizwa be baleme kubuulirako muntu n'omu nti Ye Kristo.
21 Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okunnyonnyola abayigirizwa be nga bwe kimugwanidde okugenda e Yerusaalemi, abakulembeze b'Abayudaaya ne bakabona abakulu, n'abannyonnyozi b'amateeka bamubonyeebonye, era bamutte; naye ku lunaku olwokusatu azuukire.
22 Peetero n'amuzza ebbali n'atandika okumunenya ng'amugamba nti, "Katonda akulage ekisa Mukama waffe. Bino tebirikutuukako."
23 Naye Yesu n'akyukira Peetero n'amugamba nti, "Dda ennyuma wange Setaani. Oli kyesittaza gye ndi, kubanga tolowoozeza bintu bya Katonda wabula olowooza bintu bya bantu."
24 Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe alyoke angoberere.
25 Kubanga buli agezaako okuwonya obulamu bwe alibufiirwa, oyo alifiirwa obulamu bwe ku lwange alibuwonya.
26 Kigasa ki omuntu okufuna ensi yonna naye n'afiirwa obulamu bwe? Oba kiki omuntu kyayinza okuwaayo olw'obulamu bwe?
27 Kubanga Omwana w'Omuntu anaatera okujja mu kitiibwa kya Kitange ne bamalayika be alyoke asasule buli muntu ng'ebikolwa bye bwe byali.
28 "Ddala ddala mbagamba nti ku mmwe abali wano kuliko abatalirega ku kufa okutuusa lwe baliraba Omwana w'Omuntu ng'ajja n'obwakabaka bwe."

# 17

### *Okufuusibwa kwa Yesu*

1 Oluvannyuma lw'ennaku mukaaga Yesu n'atwala Peetero, ne Yakobo ne Yokaana muganda we, n'abalinnyisa ku lusozi oluwanvu.
2 N'afuusibwa nga balaba, amaaso ge ne gamasamasa ng'enjuba n'ebyambalo bye ne byeruka ne byakaayakana.
3 Laba Musa ne Eriya ne balabika, ne boogera ne Yesu.
4 Peetero n'agamba Yesu nti, "Mukama waffe, nga kya kitalo nnyo ffe okubeera wano! Bw'oba ng'osiimye, nzimbe wano ensiisira ssatu, emu yiyo endala ya Musa n'endala ya Eriya."
5 Bwe yali akyayogera ebyo ekire ekimasamasa ne kiva waggulu ne kibabuutikira eddoboozi ne liva mu kire ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange gwe njagala ennyo, era gwe nsanyukira ennyo. Mumuwulirenga."
6 Abayigirizwa bwe baakiwulira ne bagwa wansi ne beevuunika nga batidde nnyo.
7 Yesu n'ajja gye bali n'abakwatako n'abagamba nti, "Mugolokoke temutya."
8 Bwe babbulula amaaso, baalabawo Yesu yekka!

9 Bwe baali baserengeta olusozi, Yesu n’abakuutira nti, “Ebyo bye mulabye temubibuulirako omuntu n’omu okutuusa Omwana w’Omuntu lw’alimala okuzuukira mu bafu.”

10 Abayigirizwa ne bamubuuza nti, “Kale lwaki abannyonnyozi b’amateeka bagamba nti, Eriya kimugwanira okumala okujja?”

11 Yesu n’abaddamu nti, “Weewaawo, Eriya alijja n’azzaawo ebintu byonna.

12 Naye mbagamba nti, Eriya yajja dda, naye tebaamutegeera, era naye ne bamukola buli kye baayagala. Bw’atyo n’Omwana w’Omuntu anaatera okubonyaabonyezebwa.”

13 Awo abayigirizwa be ne bategeera nti yali ayogera ku Yokaana Omubatiza.

### *Omusimbu Awonyezebwa*

14 Awo bwe yatuuka awaali ekibiina, omusajja n’ajja gy’ali n’afukamira we yali, n’amugamba nti,

15 “Mukama wange, ssaasira mutabani wange, kubanga mulwadde agwa ensimbu, era zimubonyaabonya nnyo kubanga emirundi mingi zimusuula mu muliro ne mu mazzi.

16 Bwe namuleese eri abayigirizwa bo tebasobodde kumuwonya.”

17 Yesu n’addamu nti, “Mmwe omulembe ogutalina kukkiriza omubi. Ndituusa ddi okubeera nammwe? Ndibagumiikiriza kutuusa ddi? Kale mumundeetere wano.”

18 Yesu n’aboggolera dayimooni, n’ava ku mulenzi, omulenzi n’awona mu kiseera ekyo.

19 Awo oluvannyuma abayigirizwa ne bajja eri Yesu mu kyama ne bamubuuza nti, “Lwaki ffe tetwasobodde kugoba dayimooni oyo?”

20 Yesu n’abaddamu nti, “Olw’okukkiriza kwammwe okutono. Kubanga ddala ddala mbagamba nti, bwe muba n’okukkiriza okufaanana ng’akaweke ka kaladaali, mwandiyinzizza okugamba olusozi luno nti, ‘Vvaawo wano,’ era ne luvaawo era tewandibaddewo kye mulemwa.

21 Naye kyokka dayimooni ow’engeri eno tagobeka awatali kusaba na kusiiba.”

22 Ne bakuŋŋaanira mu Ggaliraaya, Yesu n’abagamba nti, “Omwana w’Omuntu anaatera okuliibwamu olukwe aweebweyo mu mikono gy’abantu

23 abalimutta, kyokka ku lunaku olwokusatu alizuukizibwa.” Abayigirizwa be ne banakuwala nnyo.

### *Omusolo gwa Yeekaalu*

24 Bwe baatuuka e Kaperunawumu abasolooza b’omusolo gwa Yeekaalu babiri ne bajja eri Peetero ne bamubuuza nti, “Mukama wammwe tawa musolo?”

25 Peetero n’abaddamu nti, “Awa!”

Peetero n’ayingira mu nnyumba. Naye Yesu n’amwesooka n’amubuuza nti, “Olowooza otya Simooni, bakabaka b’ensi basolooza omusolo ku bantu baabwe abatuuze oba ku bannamawanga be baba bawangudde?”

26 Peetero n’addamu nti, “Basolooza ku bannamawanga.”

Yesu n’amugamba nti, “Kale bannansi bo ba ddembe.”

27 “Naye obutabanyiiza, genda ku nnyanja osuulemu eddobo, ekyennyanja ky’onoosooka okukwasa okyasamye akamwa. Mu kamwa kaakyo

onoolabamu esutateri,*ozitwale oziweeyo osasule omusolo gwange n'ogugwo."

# 18

### *Omukulu mu Bwakabaka obw'Omu Ggulu*

1 Mu kiseera ekyo abayigirizwa ba Yesu ne bajja gy'ali nga bagamba nti, "Ani asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu?"

2 Yesu n'ayita omwana omuto n'amussa mu makkati gaabwe.

3 N'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutakyuke kufaanana ng'abaana abato temugenda kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu.

4 Noolwekyo buli eyeetoowaza ng'omwana ono omuto y'aliba asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu.

5 "Na buli asembeza omwana omuto ng'ono mu linnya lyange ng'asembeza Nze.

6 Naye alyesittaza omu ku baana abato anzikiririzaamu, asaanidde okusibibwa olubengo mu bulago asuulibwe mu nnyanja."

7 "Ensi zigisanze! Kubanga ejjudde ebibi bingi. Okukemebwa okukola ebibi tekulema kubaawo, naye zimusanze oyo akuleeta.

8 Obanga omukono gwo gukuleetera okwonoona gutemeko ogusuule. Kisinga okuyingira mu bulamu ng'ogongobadde oba ng'olemadde, okusinga okugenda mu muliro ogutazikira ng'olina emikono ebiri n'ebigere bibiri.

9 Obanga eriiso lyo nga likuleetera okwonoona, liggyeemu olisuule. Kisinga okuyingira mu ggulu ng'olina eriiso limu okusinga okusuulibwa mu muliro gwa ggeyeena ng'olina amaaso go gombi."

### *Olugero lw'Endiga Eyabula*

10 "Mwekuume obutanyoomanga n'omu ku baana bano abato. Kubanga mbagamba nti bamalayika baabwe ennaku zonna babeera mu maaso ga Kitange ali mu ggulu.

11 Kubanga Omwana w'Omuntu yajja okulokola ekyabula*.

12 "Mulowooza kiki ekituufu? Omuntu bw'aba n'endiga ze ekikumi, emu n'emubulako, taleka ziri ekyenda mu omwenda ku lusozi n'agenda anoonya eri emu ebuze?

13 Ddala ddala mbagamba nti, bw'agiraba agisanyukira nnyo okusinga ziri ekyenda mu omwenda ezitaabuze.

14 Kale bwe kityo ne Kitammwe ali mu ggulu tasiima kulaba ng'omu ku bato bano ng'azikirira."

### *Owooluganda Okusonyiwa Muganda we*

15 "Muganda wo bw'akusobyanga ogendanga gy'ali n'omutegeeza ekisobyo kye nga muli babiri. Bw'akkirizanga n'akwetondera olwo ng'oggyeemu omuntu mu muganda wo.

16 Naye bw'agaananga okukuwuliriza, ofunangayo omuntu omulala omu oba babiri obujulirwa bw'abantu ababiri oba abasatu bukakase buli kigambo.

---

* **17:27** Esutateri ze nnusu nnya * **18:11** Olunyiriri luno lwateekebwamu kubanga ebigambo ebyo byali ne mu Luk 19:10. Kyokka nga mu biwandiiko eby'Oluyonaani ebyedda tebyalimu

17 Naye bw'agaananga okubawuliriza ng'ensonga ozitwala eri Ekkanisa.
Singa agaana okuwuliriza Ekkanisa, abeere nga munnaggwanga, era
omuwooza w'omusolo.
18 "Ddala ddala mbagamba nti byonna bye mulisiba ku nsi, ne mu ggulu
birisibwa ne bye mulisumulula ku nsi, ne mu ggulu bigenda kusumululwa.
19 "Era ddala ddala mbagamba nti bwe munaabanga babiri mu nsi
ne mukkiriziganya ku ekyo kye mwagala okusaba, Kitange ali mu ggulu
alikibakolera.
20 Kubanga abantu ababiri oba abasatu bwe banaakuŋŋaananga mu
linnya lyange, nange nnaabeeranga awo wakati waabwe."

*Olugero lw'Omuddu Atasonyiwa*

21 Awo Peetero n'ajja n'abuuza Yesu nti, "Mukama wange, muganda
wange bw'ansobyanga musonyiwanga emirundi emeka? Emirundi mu-
sanvu?"
22 Yesu n'amuddamu nti, "Sikugamba nti emirundi musanvu naye
emirundi nsanvu emirundi musanvu."
23 Awo Yesu n'agamba nti, "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyiz-
ibwa nga kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby'ensimbi, n'abaddu
be.
24 Bwe yatandika okubikebera ne bamuleetera gw'abanja etta-
lanta† omutwalo gumu.
25 Naye olw'okuba ng'omusajja teyalina nsimbi za kusasula bbanja
eryo, mukama we kyeyava alagira batunde omusajja oyo ne mukazi we
n'abaana be n'ebintu bye byonna ebbanja liggwe.
26 "Naye omuddu oyo n'agwa wansi mu maaso ga mukama we,
n'amwegayirira nti, 'Ngumiikiriza, nzija kukusasula ebbanja lyonna.'
27 "Mukama we n'asaasira omuddu oyo n'amusonyiwa ebbanja lyonna!
28 "Omuddu oyo bwe yafuluma n'asanga munne gwe yali abanja
eddinaali‡ kikumi, n'amugwa mu bulago nga bw'amugamba nti, 'Ssasula
kye nkubanja.'
29 "Naye munne n'agwa wansi, n'amwegayirira ng'agamba nti, 'Ngumi-
ikiriza, nnaakusasula.'
30 "Naye amubanja n'agaana okumuwuliriza, n'amuteeka mu kkomera
akuumirwe omwo okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna.
31 Awo baddu banne bwe baakiraba ne banakuwala nnyo, ne bagenda
bategeeza mukama we ebigambo bye balabye.
32 "Awo mukama we n'atumya omuddu gwe yali asonyiye n'amugamba
nti, 'Oli muddu mubi nnyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna, kubanga
wanneegayiridde,
33 naye ggwe kyali tekikugwanira kusaasira muddu munno nga nange
bwe nakusaasidde?'
34 Mukama we kyeyava asunguwala nnyo, n'amukwasa abaserikale
bamusse mu kkomera okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna.
35 "Kale ne Kitange ali mu ggulu bw'atyo bw'alibakola singa mmwe
abooluganda temusonyiwa okuva mu mitima gyammwe."

## 19

*Okugattululwa*

† **18:24** Ettalanta ke kasiimo omukozi k'afuna oluvannyuma lw'okukolera emyaka kkumi n'ettaano
‡ **18:28** Eddinaali eddinaali emu y'empeera ey'olunaku olumu

1 Awo Yesu bwe yamala okwogera ebigambo ebyo n'ava e Ggaliraaya n'ajja mu bitundu bya Buyudaaya okusukka emitala wa Yoludaani.
2 Ekibiina kinene ne bamugoberera era n'awonya abalwadde baabwe.
3 Abafalisaayo ne bajja gy'ali bamugezese nga bagamba nti, "Kikkirizibwa omusajja okugoba mukazi we olw'ensonga n'emu?"
4 Yesu n'abaddamu nti, "Temusomanga nti, 'Okuva ku lubereberye Katonda yatonda omusajja n'omukazi,'
5 era nti, 'Omusajja anaalekanga kitaawe ne nnyina, ne yeegatta ne mukazi we. Nabo banaabanga omuntu omu,
6 nga tebakyali babiri naye omuntu omu.' Noolwekyo Katonda be yagatta awamu, omuntu tabaawukanyanga."
7 Ne bamubuuza nti, "Kale lwaki Musa yalagira nti omusajja bw'abanga agoba mukazi we amuwenga ebbaluwa ey'okumugoba?"
8 Yesu n'abaddamu nti, "Olw'obukakanyavu bw'emitima gyammwe, Musa kyeyava abakkiriza okugoba bakazi bammwe, naye nga okuva olubereberye tekyali bwe kityo.
9 Era mbagamba nti omuntu yenna anaagobanga mukazi we okuggyako olw'obwenzi, n'amala awasa omulala, anaabanga ayenze, n'oyo anaawasanga oyo agobeddwa anaabanga ayenze."
10 Abayigirizwa ne bamugamba nti, "Obanga bwe biri bwe bityo, ekisingako obulungi bwe butawasiza ddala!"
11 Yesu n'abaddamu nti, "Abantu bonna tebayinza kutegeera kigambo kino okuggyako abo Katonda b'akiwa.
12 Kubanga abamu bazaalibwa nga tebasobola kuwasa abalala balaayibwa bantu bannaabwe ate abalala bagaana okuwasa ne beewaayo okukola omulimu ogw'obwakabaka obw'omu ggulu. Buli asobola okutegeera kino akitegeere."

### *Yesu n'Abaana*

13 Yesu ne bamuleetera abaana abato abasseeko emikono gye abawe n'omukisa. Naye abayigirizwa ne bajunga abaabaleeta.
14 Naye Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Mukkirize abaana abato bajje gye ndi so temubaziyiza, kubanga abafaanana ng'abo be bannannyini bwakabaka obw'omu ggulu."
15 N'abassaako emikono n'abawa omukisa n'alyoka avaayo.

### *Omuvubuka Omugagga*

16 Awo omuntu omu n'amusemberera n'amubuuza nti, "Omuyigiriza, nkole ki ekirungi okufuna obulamu obutaggwaawo?"
17 Yesu n'amuddamu nti, "Lwaki ombuuza ebikwata ku birungi? Omulungi ali omu, naye bw'obanga oyagala okuyingira mu bulamu, ggondera amateeka."
18 N'amuddamu nti, "Ge galuwa?"
Yesu n'amugamba nti, " 'Tottanga, toyendanga, tobbanga, towaayirizanga,
19 ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko era yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.' "
20 Omuvubuka oyo n'amuddamu nti, "Ebyo byonna nabikwata dda, ate kiki ekimpeebuuseeko?"
21 Yesu n'amugamba nti, "Obanga oyagala okuba omutuukirivu genda otunde ebibyo, ensimbi ozigabire abaavu, kale oliba n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere."

22 Naye omuvubuka bwe yawulira ebyo n'agenda ng'anakuwadde
kubanga yali mugagga.
23 Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Ddala ddala mbagamba nti,
kizibu omugagga okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu.
24 Era mbategeeza nti kyangu eŋŋamira okuyita mu nnyindo y'empiso,
okusinga omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!"
25 Ebigambo ebyo abayigirizwa be ne bibeewuunyisa nnyo, n'okugamba
ne bagamba nti, "Kale ani ayinza okulokolebwa?"
26 Yesu n'abatunuulira enkaliriza n'abagamba nti, "Eri abantu tekiy-
inzika. Naye Katonda, ayinza byonna."
27 Awo Peetero n'abuuza Yesu nti, "Ffe twaleka byonna ne tukugoberera.
Kale ffe tulifuna ki?"
28 Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Omwana
w'Omuntu bw'alituula ku ntebe ye ey'ekitiibwa mu nsi empya, nammwe
abangoberera mulituula ku ntebe ekkumi n'ebbiri nga mulamula ebika
bya Isirayiri ekkumi n'ebibiri.
29 Na buli muntu yenna eyaleka ennyumba, oba baganda be, oba ban-
nyina, oba kitaawe oba nnyina, oba baana be, oba ttaka lye olw'erinnya
lyange aliweebwa okwenkana emirundi kikumi, era alisikira obulamu
obutaggwaawo.
30 Bangi aboolubereberye, abaliba abooluvannyuma, n'ab'oluvannyuma
ne baba aboolubereberye."

# 20

*Olugero lw'Abalimi mu Nnimiro y'Emizabbibu*

1 Awo Yesu n'abagamba nti, "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana
ng'omuntu ssemaka, eyakeera mu makya n'apangisa abakozi okukola mu
nnimiro ye ey'emizabbibu.
2 N'alagaana n'abapakasi okubasasula omuwendo eddinaali emu emu,
ze zaali ensimbi ez'olunaku olumu. N'abasindika mu nnimiro ye
ey'emizabbibu.
3 "Bwe waayitawo essaawa nga bbiri n'asanga abalala nga bayimiridde
mu katale nga tebalina kye bakola,
4 nabo n'abagamba nti, 'Nammwe mugende mu nnimiro y'emizabbibu,
era nnaabasasula empeera ebasaanira.'
5 Ne bagenda.
"Ku ssaawa omukaaga ne ku mwenda n'asindikayo abalala mu ngeri
y'emu.
6 Essaawa nga ziweze nga kkumi n'emu n'asanga abalala nga bay-
imiridde awo, n'ababuuza nti, 'Lwaki muyimiridde awo olunaku lwonna
nga temulina kye mukola?'
7 "Ne bamuddamu nti, 'Kubanga tetufunye atuwa mulimu.' N'abagamba
nti, 'Nammwe mugende mukole mu nnimiro yange ey'emizabbibu.'
8 "Awo obudde nga buwungeera nannyini nnimiro n'alagira nampala
ayite abakozi abawe empeera yaabwe ng'asookera ku b'oluvannyuma.
9 "Abaatandika ku ssaawa ekkumi n'emu ne baweebwa eddinaali emu
emu.
10 Bali abaasookayo bwe bajja ne basuubira nti bo ze banaasasulwa
zijja kusingako obungi. Naye nabo yabasasula omuwendo gwe gumu
ogw'olunaku olumu nga bali.
11 Bwe baagifuna ne beemulugunyiza nannyini nnimiro

12 nga bagamba nti, 'Bano abooluvannyuma baakoledde essaawa emu
yokka naye lwaki obawadde empeera eyenkana eyaffe, ffe abaakoze okuva
mu makya ne mu musana gw'omu tuntu?'
13 "Mukama waabwe kwe kuddamu omu ku bo nti, 'Munnange si
kubbye; bwe wabadde otandika okukola tetwalagaanye eddinaali emu?
14 Twala eddinaali yo ogende. Naye njagala n'ono asembyeyo okumuwa
empeera y'emu nga gye nkuwadde.
15 Siyinza kukozesa byange nga bwe njagala? Obuggya bukukutte
kubanga ndi wa kisa?'
16 "Kale nno bwe kityo bwe kiriba abooluvannyuma ne baba aboolu-
bereberye, n'aboolubereberye ne baba abooluvannyuma."
17 Awo Yesu bwe yali ayambuka e Yerusaalemi n'atwala abayigirizwa be
ekkumi n'ababiri, mu kyama. Bwe baali mu kkubo, n'abagamba nti,
18 "Laba twambuka e Yerusaalemi, Omwana w'Omuntu aliweebwayo eri
bakabona abakulu n'abannyonnyozi b'amateeka, bamusalire omusango
ogw'okufa.
19 Era balimuwaayo eri Abamawanga ne bamuduulira ne bamukuba,
era balimukomerera ku musaalaba. Naye ku lunaku olwokusatu alizuuk-
izibwa."

### *Okusaba kwa Nnyina Yakobo ne Yokaana*

20 Awo nnyina w'abaana ba Zebbedaayo, n'ajja eri Yesu ne batabani be
bombi, n'amusinza ng'ayagala okubaako ky'amusaba.
21 Yesu n'amubuuza nti, "Kiki ky'oyagala?" N'addamu nti, "Nsaba,
mu bwakabaka bwo, abaana bange bano bombi batuule naawe omu ku
mukono gwo ogwa ddyo n'omulala ku gwa kkono."
22 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Tomanyi ky'osaba. Muyinza okunywa
ku kikompe nze kye ŋŋenda okunywako?" Ne baddamu nti, "Tuyinza."
23 N'abagamba nti, "Weewaawo ekikompe mugenda kukinywako. Naye
eky'okutuula ku mukono gwange ogwa ddyo oba ogwa kkono nze
sikirinaako buyinza. Ebifo ebyo byategekebwa dda Kitange."
24 Abayigirizwa bali ekkumi bwe baawulira ebyo abooluganda ababiri
bye baasaba, ne babanyiigira nnyo.
25 Yesu kwe kubayita n'abagamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze
b'abamawanga babazitoowereza embeera, n'abakulu baabwe babafuza
lyanyi.
26 Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera
omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne.
27 Na buli ayagala okuba omwami mu mmwe aweerezenga banne
ng'omuddu waabwe.
28 Mube nga Omwana w'Omuntu atajja kuweerezebwa wabula
okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi."

### *Yesu Azibula Bamuzibe Babiri*

29 Awo Yesu n'abayigirizwa be bwe baali bava mu kibuga Yeriko,
ekibiina kinene ne kimugoberera.
30 Abazibe b'amaaso babiri abaali batudde ku mabbali g'ekkubo bwe
baawulira nga Yesu ayita mu kkubo eryo, ne baleekaanira waggulu nnyo
nga bakoowoola nti, "Ssebo, Omwana wa Dawudi, otusaasire!"
31 Ekibiina ne kibalagira okusirika, naye bo, ne beeyongera bweyongezi
okukoowoolera waggulu nga boogera nti, "Ssebo, Omwana wa Dawudi,
tusasire."

32 Yesu bwe yabatuukako n'ayimirira n'ababuuza nti, "Mwagala mbakol-
ere ki?"
33 Ne bamuddamu nti, "Mukama waffe, twagala otuzibule amaaso."
34 Yesu n'abasaasira n'akwata ku maaso gaabwe amangwago ne gaz-
ibuka, ne bamugoberera.

# 21

*Yesu ayingira n'Ekitiibwa mu Yerusaalemi*

1 Awo Yesu n'abayigirizwa be bwe baali basemberera Yerusaalemi nga
batuuse kumpi n'ekibuga Besufaage ku lusozi lwa Zeyituuni, Yesu n'atuma
babiri ku bayigirizwa be.
2 N'abagamba nti, "Mugende mu kibuga ekiri mu maaso, bwe mu-
naaba mwakakiyingira mujja kulaba endogoyi ng'esibiddwa awo wamu
n'omwana gwayo. Muzisumulule muzireete wano.
3 Naye omuntu yenna bw'anaabaako ky'abagamba, mumuddamu nti,
'Mukama waffe y'azeetaaga,' amangwago ajja kuziweereza."
4 Kino kyabaawo okutuukiriza ebigambo nnabbi bye yayogera nti,
5 "Mubuulire omuwala wa Sayuuni nti,
'Laba Kabaka wammwe ajja gye muli
nga muwombeefu,
nga yeebagadde omwana gw'endogoyi.' "
6 Awo abayigirizwa ababiri ne bagenda ne bakola nga Yesu bwe
yabalagira.
7 Ne baleeta endogoyi n'omwana gwayo, ne baaliirako eminagiro
gyabwe ku ndogoyi, n'agyebagala.
8 Abantu bangi ne baaliira engoye zaabwe mu luguudo n'abalala ne
batema amatabi g'emiti ne bagaalira mu luguudo.
9 Ebibiina ebyamukulembera, n'ebyo ebyamuva emabega ne bireekaana
nti,
"Ozaana Omwana wa Dawudi!"

"Aweereddwa omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama."

"Ozaana waggulu ennyo!"
10 Awo Yesu bwe yayingira mu Yerusaalemi, ne wabaawo oluyoogaano
mu kibuga kyonna nga beebuuza nti, "Ono ye ani?"
11 Abaali mu kibiina ne baddamu nti, "Ono ye Yesu Nnabbi ava mu
Nazaaleesi eky'omu Ggaliraaya."

*Yesu mu Yeekaalu*

12 Awo Yesu n'ayingira mu Yeekaalu n'agobamu abasuubuzi bonna
n'avuunika emmeeza z'abaali bawaanyisa ensimbi n'entebe z'abaali
batunda amayiba.
13 N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Ennyumba yange eneeyitib-
wanga nnyumba ya kusabirangamu,' naye mmwe mugifudde 'empuku
y'abanyazi.'*"
14 Awo abazibe b'amaaso n'abalema ne bajja gy'ali mu Yeekaalu
n'abawonya.

* **21:13** Yer 7:11

15 Naye bakabona abakulu n'abannyonnyozi b'amateeka bwe baal-
aba eby'ekitalo bye yakola, n'abaana abato abaali mu Yeekaalu nga
baleekaanira waggulu nti, "Ozaana Omwana wa Dawudi!" ne banyiiga.
16 Ne bamubuuza nti, "Owulira bano bye bagamba?"
Yesu n'abaddamu nti, "Mpulira. Temusomangako nti,
" 'Abaana abato n'abawere abayonka
balimutendereza!' "
17 N'abaviira, n'afuluma mu kibuga n'agenda e Besaniya, n'asula eyo.

### *Omuti Ogwawotoka*

18 Awo enkeera bwe yali ng'addayo mu kibuga n'alumwa enjala,
19 n'alengera omutiini ku mabbali g'ekkubo, n'agutuukako n'atasangako
ttiini okuggyako amakoola ameereere. N'agugamba nti, "Toddangayo
okubala ebibala." Amangwago omuti ne guwotoka.
20 Abayigirizwa bwe baakiraba ne beewuunya ne beebuuza nti, "Omu-
tiini guwotose gutya amangu?"
21 Yesu n'abaddamu nti, "Ddala ddala mbagamba nti bw'oba
n'okukkiriza nga tobuusabuusa, oyinza okukola ekiri nga kino
n'ebisingawo. Oyinza n'okulagira olusozi luno nti, 'Siguka ogwe mu
nnyanja,' ne kibaawo.
22 Buli kye munaasabanga nga mukkiriza, munaakiweebwanga."

### *Yesu Abuuzibwa gy'Aggya Obuyinza*

23 Awo Yesu bwe yakomawo mu Yeekaalu bakabona abakulu
n'abakulembeze b'Abayudaaya ne bajja gy'ali ne bamubuuza nti, "Buy-
inza ki obukukoza ebyo, era ani yakuwa obuyinza obwo?"
24 Yesu n'addamu nti, "Mumale okunziramu ekibuuzo kyange kino,
nange ndyoke mbabuulire obuyinza bwe nkozesa bino.
25 Okubatiza kwa Yokaana kwava wa? Kwava mu ggulu oba mu bantu?"
Ne basooka ne boogeraganyaamu bokka na bokka nti, "Bwe tugamba nti,
'Kwava mu ggulu,' ajja kutubuuza nti, 'Kale lwaki temwamukkiriza?'
26 Ate bwe tunaagamba nti, 'Kwava mu bantu,' tutya ekibiina, kubanga
bonna bamanyi nga Yokaana yali nnabbi."
27 Bwe batyo ne baddamu nti, "Tetumanyi!" Yesu kwe kubaddamu nti,
"Nange sijja kubabuulira obuyinza bwe nkozesa bino."

### *Olugero olw'Abaana Ababiri*

28 "Kale mulowooza mutya ku kino? Waaliwo omusajja eyalina
abaana be babiri, n'agamba omubereberye nti, 'Genda okole mu nnimiro
y'emizabbibu leero.'
29 "Omulenzi n'addamu nti, 'ŋŋaanyi,' naye oluvannyuma ne
yeerowooza n'agenda.
30 "Ate kitaabwe n'agenda eri omulala n'amugamba ekintu kye kimu.
Naye ye n'addamu nti, 'Nnaagenda mukama wange.' Naye n'atagenda.
31 "Kale, ku bombi aliwa eyagondera kitaawe?"
Ne bamuddamu nti, "Omulenzi ow'olubereberye."
Awo Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, abasolooza
b'omusolo ne bamalaaya balibasooka okuyingira mu bwakabaka bwa
Katonda.
32 Kubanga Yokaana yajja ng'abuulira ekkubo ery'obutuukirivu naye
ne mutamukkiriza. Wabula abasolooza b'omusolo ne bamalaaya baa-
mukkiriza, newaakubadde nga mwakiraba, oluvannyuma temwenenya
kumukkiririzaamu."

*Olugero olw'Abalimi*

33 "Muwulirize olugero olulala. Waaliwo omusajja ssemaka eyalina emizabbibu, n'agyetoolooza olukomera, n'asimamu essogolero, n'azimbamu n'omunaala, n'agipangisa abalimi, n'agenda olugendo.
34 Ekiseera ky'amakungula bwe kyatuuka, n'atuma abaddu be eri abalimi banone ebibala byamu.
35 "Naye abalimi ne badda ku baddu be, omu ne bamukuba, n'omulala ne bamutta, n'omulala ne bamukasuukirira amayinja.
36 Ate n'abatumira abaddu abalala nga bangiko okusinga abaasooka, era nabo ne babayisa mu ngeri y'emu nga bali abaasooka.
37 Oluvannyuma n'abatumira mutabani we, ng'alowooza nti, 'Bajja kumussaamu ekitiibwa.'
38 "Naye abalimi bwe baalaba omwana ng'ajja ne bateesa nti, 'Ono y'agenda okusika, ka tumutte, ebyobusika bwe biriba byaffe!'
39 Bwe batyo ne bamufulumya ebweru w'ennimiro y'emizabbibu ne bamutta.
40 Kale nannyini nnimiro y'emizabbibu bw'alikomawo alibakola atya?"
41 Ne bamuddamu nti, "Abantu abo ababi bwe batyo alibazikiririza ddala, ennimiro y'emizabbibu n'agipangisa abalimi abalala abanaamuwanga ebibala mu ntuuko zaabyo."
42 Awo Yesu n'ababuuza nti, "Temusomanga ku Kyawandiikibwa kino nti,

" 'Ejjinja abazimbi lye baagaana
lye lifuuse ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.
Kino kyava eri Mukama
era kya kyewuunyo.'

43 "Kyenva mbagamba nti, Obwakabaka bwa Katonda bulibaggyibwako ne buweebwa eggwanga eribala ebibala byabwo.
44 Oyo alyesitala n'agwa ku jjinja eryo, alibetentebwa, na buli gwe lirigwako lirimubetenta."
45 Awo bakabona abakulu n'Abafalisaayo bwe baabiwulira ne bategeera nga Yesu bo b'ayogerako.
46 Ne baagala bamukwate, naye ne batya ekibiina, kubanga abantu Yesu baamukkiriza, nga nnabbi.

# 22

*Olugero olw'Embaga ey'Obugole*

1 Yesu n'addamu n'ayogera nabo mu ngero ng'agamba nti,
2 "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana nga, kabaka eyategekera omwana we embaga ey'obugole.
3 N'atuma abaddu be okuyita abaayitibwa ku mbaga, ne batayagala kujja.
4 "Kabaka n'abatumira abaddu abalala babategeeze nti, 'Mutegeeze abayite nti nteeseteese, ekijjulo, zisseddume zange n'ente ensavuwazze zittiddwa, era buli kimu kitegekeddwa. Mujje ku mbaga.'
5 "Naye ne batassaayo mwoyo, omu n'alaga mu nnimiro ye, omulala n'alaga mu bya busuubuzi bye.
6 Abalala ne babakwata ne bababonyaabonya ne babatta.
7 Awo Kabaka n'asunguwala, n'ayungula ekibinja ky'abaserikale n'azikiriza abatemu abo, n'ayokya ekibuga kyabwe.

8 “Awo kabaka n’agamba abaddu be nti, ‘Ekijjulo ky’embaga kiteekeddwateekeddwa, naye abaayitibwa ne batasaanira.
9 Noolwekyo mugende mu nguudo z’omu kibuga muyite abantu bonna be munaasangayo bajje ku mbaga.’
10 Abaddu bwe baagenda mu nguudo, ne bakuŋŋaanya buli gwe baasanga, ababi n’abalungi, ekisenge ky’embaga ne kijjula abagenyi.
11 “Kabaka bwe yayingira okulaba abaali batudde ku mmeeza, n’alaba omusajja eyali tayambadde kyambalo kya mbaga.
12 Kabaka n’amubuuza nti, ‘Munnange, oyingidde otya wano nga toyambadde kyambalo kya mbaga?’ Omusajja nga talina ky’addamu.
13 “Awo kabaka n’alagira basajja be nti, ‘Mumusibe emikono n’amagulu mumukasuke ebweru mu kizikiza ekikutte be zigizigi, eri okukaaba n’okuluma obujiji.’
14 “Abayitibwa bangi, naye abalondemu batono.”

### *Okuwa Kayisaali Omusolo*

15 Awo Abafalisaayo ne bagenda ne bateesa engeri gye banaategamu Yesu bamukwase mu bigambo.
16 Ne bamutumira abayigirizwa baabwe awamu n’Abakerodiyaani nga bagamba nti, “Omuyigiriza, tumanyi ng’oli mulungi, era oyigiriza mazima awatali kutya muntu yenna, kubanga tososola mu bantu.
17 Kale tutegeeze, olowooza ekituufu kye kiri wa? Kituufu okuwa Kayisaali omusolo oba si kituufu?”*
18 Naye Yesu bwe yamanya obutali butuukirivu bwabwe, n’abagamba nti, “Bannanfuusi mmwe, Lwaki mungezesa?
19 Kale, mundeetere wano ku nsimbi ze muweesa omusolo ndabe.” Ne bamuleetera eddinaali.
20 N’ababuuza nti, “Kino ekifaananyi n’obuwandiike ebiriko by’ani?”
21 Ne bamuddamu nti, “Bya Kayisaali.” N’abagamba nti, “Kale ebya Kayisaali mubiwenga Kayisaali, n’ebya Katonda mubiwenga Katonda.”
22 Bwe baawulira ebigambo ebyo ne beewuunya ne bamuleka ne bagenda.

### *Obufumbo mu Kuzuukira*

23 Ku lunaku olwo lwe lumu, Abasaddukaayo, abagamba nti, “Tewali kuzuukira,” ne bajja eri Yesu, ne bamubuuza nti,
24 “Omuyigiriza Musa yagamba nti, ‘Singa omusajja afa nga tazadde mwana, muganda w’omufu awase nnamwandu oyo azaalire muganda we abaana.’
25 Twalina abooluganda musanvu. Owooluganda ow’olubereberye n’awasa, kyokka n’afa nga tazadde mwana, bw’atyo mukazi we n’afumbirwa muganda we.
26 Ekintu kye kimu ne kituuka ku wookubiri ne ku wookusatu, okutuusa ku w’omusanvu.

---

* **22:17** Abafalisaayo baayagalanga nnyo ensi yaabwe, era baalwanyisa nnyo obufuzi bw’Abaruumi, ate nga bakyawa n’abagoberezi ba Keerodi, abawagiranga Abaruumi. Kyokka mu nsonga eri mu nnyiriri ezo waggulu Abafalisaayo beegatta wamu n’Abakeerodi okutega Yesu n’ebibuuzo. Bwe baagezaako mu bigambo ne balemwa, kwe ku mubuuza obanga kyali kituufu okuwa Kayisaali omusolo oba tekyali kituufu (lunny 17). Singa yaddamu nti tekyali kituufu, Abakeerodi baali beetegese okumuwawaabira eri gavana Omuruumi, era n’oluvannyuma yandisaliddwa omusango gwa kufa. Singa yaddamu nti kituufu, Abafalisaayo baali beetegese okumwogerako nga bw’atabulatabula ensi era nga bw’atayagala nsi ye.

27 Oluvannyuma n'omukazi oyo naye n'afa.
28 Kale okuzuukira nga kutuuse omukazi oyo aliba muka ani ku abo
omusanvu? Kubanga bonna abooluganda omusanvu yabafumbirwako."
29 Naye Yesu n'abagamba nti, "Olw'obutamanya byawandiikibwa
n'obutategeera maanyi ga Katonda kyemuvudde mukyama.
30 Kubanga mu kuzuukira teriiyo kuwasa wadde okufumbirwa, naye
abantu bonna baba nga bamalayika mu ggulu.
31 Naye ebikwata ku kuzuukira kw'abafu, temusomanga ku kigambo
ekyayogerwa Katonda ng'agamba nti,
32 'Nze, ndi Katonda wa Ibulayimu era ndi Katonda wa Isaaka era ndi
Katonda wa Yakobo?' Noolwekyo Katonda si Katonda wa bafu wabula
Katonda wa balamu."
33 Ebibiina ne biwuniikirira bwe baawulira okuyigiriza kwe.

*Etteeka Erisinga Obukulu mu Mateeka*

34 Abafalisaayo bwe baawulira nga Yesu Abasaddukaayo abamazeeko
eby'okwogera, ne bakuŋŋaana.
35 Omu ku bo eyali munnamateeka n'amubuuza ekibuuzo ng'amugezesa
nti,
36 "Omuyigiriza, tteeka ki erisinga obukulu mu mateeka."
37 Yesu n'addamu nti, " 'Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo
gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna.'
38 Eryo ly'etteeka ery'olubereberye era lye Iisingira ddala obukulu.
39 N'eryokubiri eririfaananako lye lino nti, 'Yagalanga muliraanwa wo
nga gwe bwe weeyagala wekka.'
40 Amateeka amalala gonna gasinziira mu mateeka ago gombi ne bya
bannabbi."
41 Awo mu kiseera ekyo Abafalisaayo nga bakuŋŋaanye, Yesu
n'ababuuza nti,
42 "Kristo mumulowoozako mutya? Mwana waani?" Ne baddamu nti,
"Mwana wa Dawudi."
43 Yesu kyeyava ababuuza nti, "Dawudi ng'ajjudde Omwoyo bw'ayogera
ku Kristo, lwaki ate amuyita 'Mukama we', ng'agamba nti,
44 " 'Mukama yagamba Mukama wange nti:
"Tuulira wano ku mukono gwange ogwa ddyo,
okutuusa lwe ndifufuggaza abalabe bo
ne mbassa wansi w'ebigere byo?" '
45 Noolwekyo obanga Dawudi amuyita 'Mukama we,' kale, ate abeera atya
omwana we?"
46 Ne wataba n'omu amuddamu, era okuva olwo ne watabaawo
ayaŋŋanga kwongera kumubuuza bibuuzo birala.

# 23

1 Awo Yesu n'ayogera eri ebibiina n'abayigirizwa be ng'agamba nti,
2 "Abawandiisi n'Abafalisaayo batudde ku ntebe ya Musa.
3 Noolwekyo mukole era mwekuume buli kye babagamba wabula
temugoberera bikolwa byabwe. Kubanga boogera naye ne batakola bye
bagamba.
4 Basiba emigugu emizito ne bagitikka abalala, so nga bo n'okugezaako
tebagezaako kukwatako n'engalo yaabwe.

5 "Buli kye bakola bakikola abantu babalabe. Bambala ku mikono gyabwe obusawo*omuli ennyiriri eziva mu Byawandiikibwa, ne bawanvuya amatanvuuwa ku byambalo byabwe, agajjukiza abagambala okudda eri Mukama, nga babikola okulaga ababalaba.

6 Baagala nnyo ebifo eby'oku mwanjo ku mbaga, ne mu bifo eby'ekitiibwa mu makuŋŋaaniro.

7 Banyumirwa nnyo okuweebwa ekitiibwa mu butale n'okuyitibwa 'Labbi.'

8 "Temweyitanga 'Labbi†,' kubanga Katonda yekka ye Muyigiriza wammwe, naye mmwe muli baaluganda.

9 Era temuyitanga muntu yenna ku nsi 'Kitammwe,' kubanga Katonda ali mu ggulu ye yekka gwe muteekwa okuyita bwe mutyo.

10 Era temuganyanga muntu yenna kubayita 'bayigiriza,' kubanga omuyigiriza wammwe ali omu yekka, ye Kristo.

11 Oyo ayagala abantu okumussaamu ekitiibwa. Asaana abeere muweereza waabwe.

12 Naye buli alyegulumiza alikkakkanyizibwa, na buli alyetoowaza aligulumizibwa.

13 "Zibasanze mmwe Abawandiisi, nammwe Abafalisaayo. Bannanfuusi mmwe! Muziyiza abantu abalala okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, ate nammwe ne mutayingira.

14 "Bannanfuusi mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Mulowoozesa abantu nti muli batuukirivu nga musaba essaala, so ng'ate mwekyusa ne mugobaganya bannamwandu mu mayumba gaabwe.

15 Zibasanze bannanfuusi mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Kubanga mutambula okwetooloola ennyanja ne ku lukalu musobole okukyusa omuntu, naye bw'akyuka, mumufuula mwana wa ggeyeena okusingawo emirundi ebiri.

16 "Zibasanze mmwe abakulembeze abazibe b'amaaso abagamba nti, 'Okulayira Yeekaalu, si nsonga, naye oyo alayira zaabu ali mu Yeekaalu, asaana okukituukiriza!'

17 Mmwe abatalina magezi abazibe b'amaaso! Ku ebyo byombi kiruwa ekisingako obukulu, zaabu oba Yeekaalu efuula zaabu okuba entukuvu?

18 Ate mugamba nti, 'Omuntu okulayira ekyoto, kirina amakulu, naye bw'alayira ebirabo ebireeteddwa ku kyoto, asaana okukituukiriza!'

19 Mmwe abazibe b'amaaso, ku byombi kiruwa ekisinga kinnaakyo obukulu, ekirabo ekiri ku kyoto oba ekyoto kyennyini ekifuula ekirabo ekyo okuba ekitukuvu?

20 Bwe mulayira ekyoto, muba mulayira ekyoto n'ebikiriko byonna,

21 era bwe mulayira Yeekaalu muba mulayira Yeekaalu ne Katonda agibeeramu.

22 Era bwe mulayira eggulu, muba mulayira n'entebe ya Katonda ey'obwakabaka n'oyo yennyini agituulako.

23 "Zibasanze, mmwe Abawandiisi, nammwe Abafalisaayo! Bannanfuusi mmwe! Kubanga muwaayo ekimu eky'ekkumi ku buli kintu, ne ku buli kika kya muddo oguwunyisa obulungi era oguwoomesa enva, okutuukira ddala ne ku kalagala akasinga obutono, naye ne mulagajjalira ebintu ebisinga obukulu eby'amateeka, ng'obwenkanya, n'okusaasira

* **23:5** bwali bubokisi obutono bwe baateekangamu ennyiriri ez'ebyawandiikibwa ne bwambala mu kyenyi oba ku mukono † **23:8** Labbi kitegeeza Omuyigiriza

n'okukkiriza. Weewaawo musaanidde okuwaayo ekitundu eky'ekkumi,
naye ebintu ebirala ebisinga obukulu temusaanidde kubiragajjalira.
24 Mmwe abakulembeze abazibe b'amaaso! Musengejja akabu muleme
kukanywera mu mazzi, naye ne munyweramu eŋŋamira!
25 "Zibasanze mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Bannanfuusi
mmwe! Muzigula kungulu kw'ekikopo ne kungulu kw'ebbakuli, naye nga
munda mujjudde omululu n'okwefaako mwekka.
26 Mmwe Abafalisaayo abazibe b'amaaso! Musooke mulongoose munda
w'ekikopo olwo nno mulongoose ne kungulu.
27 "Zibasanze mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Mulabika
ng'amalaalo agatemagana kungulu,‡songa munda gajjudde amagumba
g'abafu n'obuvundu obwa buli ngeri.
28 Mulabika ng'abantu abatuukirivu kungulu, songa munda mujjudde
obunnanfuusi n'obumenyi bw'amateeka.
29 "Zibasanze mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Bannanfuusi
mmwe! Kubanga muzimbira bannabbi ebijjukizo, ne mutimba ebijjukizo,
by'abatuukirivu,
30 ne mulyoka mugamba nti, 'Naye ddala singa twaliwo mu biseera bya
bajjajjaffe tetwandisizza kimu nabo mu kuyiwa omusaayi gw'abannabbi.'
31 Bwe mwogera mutyo muba mwessaako omusango nga bwe muli
abaana b'abo abatta bannabbi.
32 Mugenda nga mutuukiriza ebyo bajjajjammwe bye bataamaliriza.
33 "Mmwe emisota! Abaana b'embalasaasa muliwona mutya omusango
ogugenda okubatwaza mu ggeyeena?
34 Kyenva mbaweereza bannabbi, n'abasajja ab'amagezi, n'abawandiisi,
abamu mulibatta nga mubakomerera ku musaalaba, n'abalala
mulibakuba embooko mu makuŋŋaaniro gammwe, ne mubagobaganya
mu bibuga byammwe.
35 Bwe mutyo omusango gw'okutemula abatuukirivu, okutandikira ku
Aberi omutuukirivu okutuuka ku Zaakaliya, mutabani wa Balakiya gwe
mwattira wakati wa yeekaalu n'ekyoto, ne gubasingira ddala.
36 Ddala ddala mbagamba nti ebyo byonna birituuka ku mulembe guno.
37 "Ggwe Yerusaalemi, ggwe Yerusaalemi atta bannabbi, n'okuba amay-
inja abo ababa batumiddwa gy'oli, emirundi nga mingi nnyo gye njagadde
okukuŋŋaanya abaana bo ng'enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo mu
biwaawaatiro byayo, naye n'ogaana.
38 Laba kaakano ennyumba yo esigalidde awo, kifulukwa.
39 Kubanga nkugamba nti toliddayo kundaba nate, okutuusa
ng'oyogedde nti, 'Aweereddwa omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama.' "

# 24

### *Ebikangabwa n'Omulembe Okuggwaako*

1 Awo Yesu bwe yali ng'ava mu luggya lwa Yeekaalu, abayigirizwa be ne
bajja w'ali okumulaga enzimba ya Yeekaalu,
2 naye n'abagamba nti, "Bino byonna temubiraba? Ddala ddala
mbagamba nti tewaliba jjinja na limu eririsigala nga litudde ku linnaalyo
eritalibetentebwa."

---

‡ **23:27** Omuntu eyalinnyanga ku malaalo, yafukanga atali mulongoofu (laba Kub 19:16). Abantu kyebaava bagasiiganga langi enjeru, basobole okugalaba ne mu kiro

3 Awo Yesu bwe yali ng'atudde ku lusozi olwa Zeyituuni, abayigirizwa
be ne bajja gy'ali ne bamubuuza mu kyama nti, "Ebyo biribaawo ddi? Era
kabonero ki akalitegeeza okujja kwo n'enkomerero y'ensi nti eri kumpi?"
4 Yesu n'abaddamu nti, "Temukkirizanga muntu yenna kubalimbalimba.
5 Kubanga bangi balijja mu linnya lyange nga bagamba nti, 'Nze Kristo',
era balirimba bangi.
6 Munaatera okuwulira entalo n'eŋŋambo z'entalo. Temwekanganga,
kubanga ebyo biteekwa okubaawo, naye enkomerero eriba tennatuuka.
7 Amawanga galirwana ne gannaago, n'obwakabaka bulirwana
n'obwakabaka, era walibaawo enjala mu bifo bingi ne musisi aliyuugu-
umya ebifo bingi.
8 Naye bino byonna biriba ntandikwa butandikwa ng'ey'okulumwa
okuzaala."
9 "Muliweebwayo ne mubonyaabonyezebwa era ne muttibwa, era
mulikyayibwa amawanga gonna olw'erinnya lyange.
10 Era bangi balisendebwasendebwa okukola ebibi, n'abalala baliryamu
bannaabwe olukwe, n'abalala ne bakyawagana.
11 Era bannabbi ab'obulimba bangi balijja ne bawubisa abantu bangi.
12 Olw'obujeemu okuyinga obungi, era bangi okwagala kwabwe kuli-
wola.
13 Naye abo abaligumiikiriza okutuuka ku nkomerero be balirokolebwa.
14 Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe
bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka
etuuka."
15 "Noolwekyo bwe muliraba 'eky'omuzizo eky'entiisa,' nnabbi Danyeri
kye yayogerako, nga kiyimiridde mu kifo ekitukuvu asoma bino ategeere,
16 n'abo abalibeera mu Buyudaaya baddukiranga mu nsozi.
17 Alibeera waggulu ku kasolya, takkanga kuyingira mu nnyumba ye
kubaako byaggyamu.
18 N'oyo alibeera mu nnimiro taddangayo eka okunonayo olugoye lwe.
19 Naye ziribasanga abakyala abaliba balina embuto, n'abaliba bayonsa
mu nnaku ezo.
20 Naye musabe ekiseera ky'okudduka kireme kutuukira mu biro bya
butiti oba ku lunaku lwa Ssabbiiti.
21 Kubanga wagenda kubeerawo okubonyaabonyezebwa okunene ennyo
okutabangawo kasookedde ensi ebaawo era tewaliddayo kubaawo kiki-
faanana.
22 Singa ennaku ezo tezakendezebwako, tewandibadde n'omu
alokolebwa. Naye olw'abalonde be ennaku ezo zirikendezebwako.
23 Bwe wabangawo omuntu agamba nti, 'Kristo ali wano, oba ali wali,'
temubakkirizanga.
24 Kubanga bakristo ab'obulimba balijja, ne bannabbi ab'obulimba nabo
balijja ne bakola eby'amagero n'ebyewuunyo; nga singa kibadde kisoboka,
bandilimbyelimbye n'abalonde ba Katonda.
25 Laba mbalabudde nga bukyali!"
26 "Noolwekyo omuntu bw'abagambanga nti Kristo akomyewo ali eri
mu ddungu, temugendangayo. Oba nti ali mu bisenge eby'omunda,
temukkirizanga.
27 Kubanga nga bwe mulaba okumyansa kw'eraddu nga kutabaala ebire
okuva ebuvanjuba ne kusala okulaga ebugwanjuba, n'okujja kw'Omwana
w'Omuntu bwe kutyo.
28 Era mukimanyi nti awabeera ekifudde awo ensega we zikuŋŋaanira."

29 “Amangu ddala ng’okubonyaabonyezebwa
“kw’omu nnaku ezo kuwedde,
‘enjuba eriggyako ekizikiza
era n’omwezi teguliyaka,
n’emmunyeenye zirigwa n’amaanyi g’eggulu galinyeenyezebwa.’ ”
30 “Oluvannyuma lw’ebyo akabonero k’Omwana w’omuntu kalirabika
ku ggulu, era walibaawo okukungubaga kw’amawanga gonna ag’omu nsi,
era baliraba Omwana w’Omuntu ng’ajja ku bire by’eggulu, mu maanyi ne
mu kitiibwa ekinene.
31 Era alituma bamalayika be nga bwe bafuuwa amakondeere mu
ddoboozi ery’omwanguka, ne bakuŋŋaanya abalonde be nga babaggya
mu mpewo ennya okuva ku ludda olumu olw’eggulu okutuuka ku ludda
olulala.”
32 “Kale muyigire ku lugero lw’omutiini. Amatabi gaagwo bwe
gatandika okutojjera nga mumanya nti ebiseera eby’ebbugumu binaatera
okutuuka.
33 Noolwekyo nammwe bwe muliraba ebintu ebyo byonna, nga mu-
manya nti ekiseera kiri kumpi, era kisemberedde ddala ku luggi.
34 Ddala ddala mbagamba nti, omulembe guno teguliggwaawo okutuusa
ng’ebintu ebyo byonna bituukiridde.
35 Eggulu n’ensi biriggwaawo naye ebigambo byange tebiriggwaawo.”

### *Olunaku n’Essaawa Tebimanyiddwa*

36 “Naye eby’olunaku olwo wadde essaawa tewali n’omu abimanyi,
newaakubadde bamalayika ab’omu ggulu nabo tebakimanyi, wadde
Omwana, okuggyako Kitaffe yekka.
37 Kubanga nga bwe kyali mu biseera bya Nuuwa, okujja kw’Omwana
w’Omuntu nakwo bwe kuliba.
38 Nga bwe kyali mu biseera by’amataba, abantu nga balya nga banywa,
nga bawasa n’abalala nga bafumbirwa, olunaku ne lutuuka Nuuwa
n’ayingira mu lyato,
39 abantu ne batamanya, amataba ne gajja ne gabasaanyaawo ne buli
kintu, bwe kutyo n’okudda kw’Omwana w’Omuntu bwe kulibeera.
40 Mu biseera ebyo abasajja babiri baliba bakola mu nnimiro, omu
n’atwalibwa omulala n’alekebwa.
41 Abakazi babiri baliba basa ku mmengo zaabwe mu nnyumba y’emu,
omu n’atwalibwa omulala n’alekebwa.”
42 “Noolwekyo mubeere beetegefu, kubanga olunaku Mukama wammwe
lw’aliddirako temulumanyi.
43 Naye mutegeere kino: ssinga ssemaka amanya essaawa omubbi
w’anaayingirira okumenya ennyumba ye, yandisigadde ng’atunula,
n’ataganya mubbi kumuyingirira.
44 Noolwekyo nammwe bwe mutyo mweteeketeeke, kubanga Omwana
w’omuntu alijjira mu kiseera kye mutamulowoolezaamu.”
45 “Kale aliwa omuddu omugezi era omwesigwa mukama we gwe
yawa obuvunaanyizibwa okulabirira abaddu ab’omu maka ge, n’okubawa
emmere mu kiseera ekituufu?
46 Alina omukisa omuddu oyo, mukama we gw’alisanga ng’akola
bw’atyo.
47 Ddala ddala mbagamba nti, alimukwasa ebintu bye byonna.
48 Naye obanga omuddu omubi bw’agamba mu mutima gwe nti,
‘Mukama wange tajja kudda mangu,’

49 n'adda ku baddu banne, n'abakuba, n'alya, n'anywa n'abatamiivu,
okutuusa lw'alidda.
50 Mukama w'omuddu oyo n'akomawo ku lunaku lw'atamusuubidde ne
mu kiseera ky'atamanyi,
51 alimubonereza, era omugabo gwe guliba okubeera awamu
n'abannanfuusi, eriba okukaaba n'okuluma obujiji."

# 25

*Olugero lw'Abawala Ekkumi*

1 "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa n'abawala embeerera
ekkumi, abaatwala ettaala zaabwe ne bagenda okusisinkana anaawasa
omugole.
2 Abataano tebaalina magezi, abataano abalala ne baba b'amagezi.
3 Abataalina magezi, ne batatwala mafuta gamala mu ttaala zaabwe.
4 Naye abagezi baatwala amafuta mu macupa gaabwe ag'okweyambisa
wamu n'ettaala zaabwe.
5 Naye anaawasa omugole bwe yalwawo okutuuka otulo ne tubakwata
bonna, ne beebaka.
6 "Obudde bwe bwatuuka mu ttumbi oluyoogaano ne lubazuukusa,
abantu nga baleekaana nti, 'Awasa omugole atuuse! Mujje mumwanirize!'
7 "Abawala embeerera bonna ne bazuukuka ne baseesa ettaala zaabwe.
8 Awo abawala abataano abataalina magezi ne bagamba nti, 'Mutuwe
ku mafuta gammwe, kubanga ettaala zaffe zaagala kuzikira ziggweerera.'
9 "Naye bannaabwe ne bабaddamu nti, 'Amafuta ge tulinawo gatumala
bumazi. Mugende mu maduuka mwegulireyo.'
10 "Naye baali baakagenda anaawasa omugole n'atuuka, abo abaali
beeteeseteese ne bayingira ku mbaga, oluggi ne luggalwawo.
11 Oluvannyuma abawala bali abataano ne bakomawo ne bayita nti,
'Ssebo, tuggulirewo!'
12 Naye n'abaddamu nti, 'Ddala ddala mbagamba nti, sibamanyi!'
13 "Kale mutunule mweteeketeeke, kubanga temumanyi kiseera wadde
olunaku."

*Olugero lw'Ettalanta*

14 "Obwakabaka bwa Katonda, ate bufaananyizibwa n'olugero
lw'omusajja eyali agenda olugendo, n'ayita abaddu be n'abalekera
ebintu bye.
15 Eyasooka yamuwa ttalanta ttaano, owookubiri bbiri n'owookusatu
emu, ng'ageraageranya ng'okusobola kwa buli omu bwe kwali. Bw'atyo
ne yeetambulira.
16 Omusajja eyafuna ttalanta ettaano n'azisuubuzisa n'afunamu ttalanta
ttaano endala.
17 N'oyo eyalekerwa ttalanta ebiri naye n'aviisaamu endala biri.
18 Naye eyaweebwa ttalanta emu, bwe yagifuna n'agenda n'aziika
ttalanta ya mukama we mu ttaka.
19 "Awo nga wayiseewo ekiseera kiwanvu, mukama w'abaddu abo
n'akomawo. N'ayita abaddu be bamutegeeze ebyafa ku ttalanta ze
yabalekera.
20 Omusajja gwe yalekera ttalanta ettaano n'ajja n'amuleetera ttalanta
endala ttaano ng'agamba nti, 'Mukama wange wampa ttalanta ttaano,
nviisizaamu ttalanta endala ttaano.'

21 “Mukama we n’amugamba nti, ‘Weebale, oli muddu mulungi era mwesigwa, obadde mwesigwa mu bintu ebitono, ndikusigira ebintu ebingi. Yingira sanyukira wamu ne mukama wo.’
22 “Eyalekerwa ttalanta ebiri naye n’ajja, n’ategeeza mukama we nti, ‘Ssebo, wandekera ttalanta bbiri, era ne nziviisaamu ttalanta endala bbiri.’
23 “Mukama we n’amugamba nti, ‘Weebale, oli muddu mulungi era mwesigwa, obadde mwesigwa mu bintu ebitono, ndikusigira ebintu ebingi. Yingira osanyukire wamu ne mukama wo.’
24 “Omusajja eyalekerwa ttalanta emu n’ajja, n’agamba nti, ‘Ssebo, nakumanya nga bw’oli omuntu omuzibu, okungulira gy’otaasigira era okuŋŋaanyiza gy’otaasaasaanyiza.
25 Olw’okutya bwe wagenda ne nkweka ttalanta yo mu ttaka era yiino ttalanta yo.’
26 “Naye mukama we n’amugamba nti, ‘Ggwe omuddu omubi era omugayaavu! Obanga wamanya nti ndi muntu akungulira gye ssaasigira,
27 wanditadde ensimbi zange mu bbanka gye bandimpaddemu amagoba nga nkomyewo.’
28 “N’alagira nti, ‘Mumuggyeeko ettalanta eyo mugiwe oli alina ttalanta ekkumi.
29 Kubanga alina aliweebwa abe na bingi naye atalina, n’ebyo by’alina ebitono birimuggyibwako.
30 N’omuddu oyo ataliiko ky’agasa mumusuule ebweru mu kizikiza eri okukaaba n’okuluma obujiji.’

### *Endiga n’Embuzi*

31 “Omwana w’Omuntu bw’alijja mu kitiibwa kye ne bamalayika bonna nga bali naye, alituula ku ntebe ey’ekitiibwa kye.
32 Awo amawanga gonna galikuŋŋaanyizibwa mu maaso ge era aligaawulamu ng’omusumba bw’ayawulamu endiga n’embuzi.
33 Endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo n’embuzi ku gwa kkono.
34 “Awo Kabaka n’alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, ‘Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw’ensi.
35 Kubanga nnali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa ekyokunywa, nnali mugenyi ne munnyaniriza,
36 nnali bwereere ne munnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula, nnali mu kkomera ne mujja okundaba.’
37 “Abatuukirivu ne bamubuuza nti, ‘Mukama waffe, twakulaba ddi ng’oli muyala ne tukuliisa? Oba ng’olina ennyonta ne tukuwa ekyokunywa?
38 Oba ng’oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba ng’oli bwereere, ne tukwambaza?
39 Twakulaba ddi ng’oli mulwadde oba ng’oli mu kkomera ne tukulambula?’
40 “Kabaka, alibaddamu nti, ‘Ddala ddala mbagamba nti bwe mwabikolera baganda bange bano abasembayo wansi kye kimu mwabikolera nze!’
41 “Bw’atyo aligamba abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti, ‘Muveewo, mmwe abakolimire, mulage mu muliro ogutazikira ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be.
42 Kubanga nnali muyala ne mutampa kyakulya, nnali muyonta ne mutampa kyakunywa,
43 nnali mugenyi ne mutannyaniriza, nnali bwereere ne mutannyambaza, nnali mulwadde ne mu kkomera ne mutajja kunnambula.’

44 “Nabo baliddamu nti, ‘Mukama waffe, twakulaba ddi ng’oli muyala oba ng’oli muyonta, oba ng’oli mugenyi oba ng’oli bwereere oba mulwadde oba ng’oli mu kkomera, ne tutakuyamba?’

45 “Naye alibaddamu nti, ‘ddala ddala mbagamba nti, nga bwe mutaakikola omu ku bano abasembayo wansi, nange temwakinkola.’

46 “Abo baligenda ku kibonerezo eky’emirembe n’emirembe, naye abatuukirivu baliyingira mu bulamu obutaggwaawo.”

# 26

*Olukwe olw’Okutta Yesu*

1 Awo Yesu bwe yamala okwogera ebyo byonna, n’agamba abayigirizwa be nti,

2 “Nga bwe mumanyi, ebulayo ennaku bbiri tutuuke ku mbaga ey’Okuyitako. Omwana w’Omuntu aliweebwayo akomererwe.”

3 Mu kiseera ekyo kyennyini, bakabona abakulu n’abakulembeze b’Abayudaaya baali bakuŋŋaanye mu lubiri lwa Kayaafa, Kabona Asinga Obukulu,

4 nga bakola olukwe mwe banaayita okukwata Yesu bamutte.

5 Naye baasalawo kireme kubaawo mu kiseera eky’Embaga, si kulwa nga wabaawo akeegugungo mu bantu.

6 Awo Yesu bwe yali mu nnyumba ya Simooni Omugenge e Besaniya,

7 ng’ali ku mmeeza, omukazi n’ajja gy’ali ng’alina eccupa y’amafuta ag’akaloosa ag’omuwendo omungi,[*] n’agafuka ku mutwe gwa Yesu.

8 Abayigirizwa be bwe baakiraba ne banyiiga. Ne bagamba nti, “Lwaki okwonoona amafuta ag’omuwendo gatyo!

9 Kubanga yandisobodde okugatundamu ensimbi nnyingi n’azigabira abaavu.”

10 Yesu bwe yamanya ebirowoozo byabwe, n’abagamba nti, “Lwaki mutawanya omukazi? Ankoledde ekintu ekirungi.

11 Bulijjo abaavu muli nabo, naye nze sijja kuba nammwe bulijjo.

12 Anfuseeko amafuta gano okuteekateeka omubiri gwange okuguziika.

13 Ddala ddala mbagamba nti, bulijjo ajjanga kujjukirwa olw’ekikolwa kino. Ekikolwa ky’omukazi ono kijjanga kwogerwako wonna wonna mu nsi Enjiri gy’eneebuulirwanga.”

14 Awo Yuda Isukalyoti omu ku bayigirizwa ekkumi n’ababiri n’agenda eri bakabona abakulu.

15 N’ababuuza nti, “Munampa ki okubalaga Yesu mulyoke mumukwate?” Ne bamuwa ebitundu bya ffeeza amakumi asatu.

16 Okuviira ddala mu kiseera ekyo Yuda n’anoonya akakisa konna alyemu Yesu olukwe.

*Ekyekiro kya Mukama Waffe*

17 Awo ku lunaku olusooka mu nnaku ez’Embaga ey’Emigaati egitazimbulukuswa, abayigirizwa ne bajja eri Yesu ne bamubuuza nti, “Embaga y’Okuyitako tukugiteekereteekere wa?”

18 Yesu n’abaddamu nti, “Mugende mu kibuga ewa ‘Gundi,’ mumugambe nti, ‘Omuyigiriza agambye nti: Ekiseera kyange kituuse, era Embaga ey’Okuyitako njagala kugiriira mu maka go awamu n’abayigirizwa bange.’ ”

---

* **26:7** Eccupa eyo ey’amafuta ag’akaloosa ag’omuwendo omungi yabumbibwa mu mabo

19 Abayigirizwa ne bagenda ne bakola nga Yesu bwe yabalagira ne
bateekateeka Okuyitako.
20 Akawungeezi ako Yesu bwe yali ng'atudde
21 ku mmere n'abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, nga balya n'abagamba
nti, "Omu ku mmwe ajja kundyamu olukwe."
22 Bwe baakiwulira emitima ne gibeewanika, buli omu n'abuuza nti, "Ye
nze?"
23 Yesu n'addamu nti, "Akozezza nange mu kibya, y'oyo.
24 Mutegeere nti Omwana w'Omuntu agenda nga bwe kyamuwandiikib-
wako, naye zimusanze omuntu oyo agenda okulya mu Mwana w'Omuntu
olukwe. Kyandibadde kirungi singa omuntu oyo teyazaalirwa ddala."
25 Yuda anaamulyamu olukwe n'amubuuza nti, "Ddala ddala, ye nze
Labbi?" Yesu n'amuddamu nti, "Oyogedde."
26 Bwe baali balya, Yesu n'addira omugaati n'agusabira omukisa,
n'agumenyaamenyamu n'agabira abayigirizwa be, n'agamba nti, "Mu-
toole mulye, kubanga guno gwe mubiri gwange."
27 Bw'atyo n'asitula ekikompe, ne yeebaza Katonda, n'abawa ng'agamba
nti, "Munywe ku kino mwenna,
28 kubanga guno gwe musaayi gwange ogw'endagaano oguyiika ku
lw'abantu abangi, olw'okusonyiyibwa ebibi.
29 Era mbagamba nti, Sigenda kuddayo kunywa ku kibala kino okutuusa
ku lunaku olwo lwe ndikinywa nammwe nga kiggya mu bwakabaka bwa
Kitange."
30 Bwe baamala okuyimbayo oluyimba ne bafuluma ne bagenda ku
lusozi olwa Zeyituuni.

### *Yesu Ategeeza Peetero nga bw'Anaamwegaana*

31 Awo Yesu n'abagamba nti, "Ekiro kya leero mwenna mujja kunjabu-
lira.
"Kubanga kyawandiikibwa nti, 'Ndikuba omusumba
n'endiga z'omu kisibo kye ne zisaasaana.'
32 Naye bwe ndimala okuzuukizibwa ndibakulembera okugenda e Ggali-
raaya."
33 Peetero n'amuddamu nti, "Abalala bonna bwe banaakwabulira, nze sijja
kukwabulira."
34 Yesu n'amugamba nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Mu kiro kino kyen-
nyini enkoko eneeba tennakookolima, onooneegaana emirundi esatu."
35 Peetero n'amugamba nti, "Oba kufiira wamu naawe n'afa, naye
sijja kukwegaana n'akamu kokka." N'abayigirizwa be abalala bonna ne
boogera bwe batyo.

### *Gesusemane*

36 Awo Yesu n'agenda nabo mu kifo ekiyitibwa Gesusemane n'abagamba
nti, "Mutuule wano okutuusa lwe nnaamala okusaba nkomewo."
37 N'atwala Peetero ne batabani ba Zebbedaayo bombi, n'atandika,
okuwulira ennaku nnyingi n'okweraliikirira ennyo.
38 N'abagamba nti, "Omwoyo gwange guliko ennaku egenda na kunzita.
Kale mubeere wano tutunule ffenna."
39 N'abaleka awo ne yeeyongerayo akabanga, n'agwa wansi ng'avuunise
amaaso ge ku ttaka, n'asaba nti, "Kitange! Obanga kisoboka, leka
ekikompe kino kinzigibweko. Naye si nga Nze bwe njagala, wabula nga
ggwe bw'oyagala."

40 N'addayo eri abayigirizwa be n'abasanga nga beebase. N'agamba
Peetero nti, "Peetero, naawe tosobodde kutunula nange n'essaawa emu?
41 Mutunule nga bwe musaba. Omwoyo gwo gwagala, naye omubiri gwe
munafu!"
42 N'abavaako omulundi ogwokubiri akabanga n'agenda n'asaba
ng'agamba nti, "Kitange! Oba tekisoboka ekikompe kino kuvaawo wabula
Nze okukinywa, kale ky'oyagala kye kiba kikolebwa."
43 N'akomawo nate gye bali n'abasanga nga beebase, kubanga amaaso
gaabwe gaali gazitowa nga gajjudde otulo.
44 N'abaleka n'agenda asaba ebigambo bye bimu nga biri.
45 Ate n'akomawo awali abayigirizwa n'abagamba nti, "Kale mwebakire
ddala, muwummule. Kyokka mumanye ng'ekiseera kituuse Omwana
w'Omuntu aweebweyo mu mikono gy'abalina ebibi.
46 Muzuukuke! Musituke tugende! Laba, omuntu agenda okundyamu
olukwe wuuli ajja!"

### *Yesu Akwatibwa*

47 Laba Yesu yali akyayogera Yuda omu ku kkumi n'ababiri, n'atuuka
ng'alina ekibiina ky'abantu abaali babagalidde ebitala n'emiggo nga
batumiddwa bakabona abakulu n'abakulembeze b'Abayudaaya.
48 Eyali agenda okumulyamu olukwe yali abategeezezza akabonero nti
omuntu gw'anaalamusa nga y'oyo gwe baali beetaaga, nga bamukwata.
49 Amangwago n'ajja eri Yesu n'amulamusa nti, "Mirembe, Labbi,"
n'amugwa mu kifuba.
50 Yesu kwe kumugamba nti. "Munnange, kola ky'ojjiridde."† Awo
abalala ne bakwata Yesu.
51 Omuntu omu ku abo abaali ne Yesu n'asowolayo ekitala kye n'asalako
okutu kw'omuweereza wa Kabona Asinga Obukulu.
52 Naye Yesu n'amulagira nti, "Ekitala kyo kizzeeyo mu kiraato kyakyo.
Kubanga abo abakozesa ebitala nabo bagenda kuttibwa na kitala.
53 Tomanyi nti nnyinza okusaba Kitange bamalayika nkumi na nkumi
okujja okutulwanirira?
54 Naye singa nkola bwe ntyo, olwo Ebyawandiikibwa, ebyogera ku bino
ebiriwo kaakano, binatuukirira bitya?"
55 Mu kiseera ekyo Yesu n'abuuza ekibiina nti, "Ndi ng'omumenyi
w'amateeka ow'akabi ennyo, n'okujja ne mujja okunkwata nga muba-
galidde ebitala n'emiggo? Nabeeranga nammwe nga njigiriza mu Yeekaalu
buli lunaku, ne mutankwata.
56 Naye kino kibaddewo okutuukiriza ebigambo bya bannabbi ebiri
mu Byawandiikibwa." Olwo abayigirizwa be bonna ne bamwabulira ne
badduka.

### *Yesu mu maaso g'Olukiiko*

57 Awo ekibiina ne kitwala Yesu ewa Kayaafa, Kabona Asinga Obukulu,
n'abakulembeze b'Abayudaaya gye baali bakuŋŋaanidde.
58 Mu kiseera ekyo ne Peetero yali agoberera kyokka ng'ali walako
emabega w'ekibiina; n'atuuka mu luggya lw'ennyumba ya Kabona Asinga
Obukulu, n'atuula awaali abaweereza ng'alinda okutegeera ebinaavaayo.
59 Bakabona abakulu n'Abasaddukaayo bonna ne banoonya obujulizi
obw'obulimba ku Yesu obunamuweesa ekibonerezo eky'okufa.

† **26:50** oba nti, "Owoomukwano odukidde ki?"

60 Kyokka ne bafunayo batono ab'obujulirwa obw'obulimba. N'evumbukayo babiri
61 abeesimbawo okugamba nti, "Omuntu ono yagamba nti, 'Nsobola okumenyawo Yeekaalu ya Katonda, ate ne ngizimba ne ngimalira mu nnaku ssatu.' "
62 Awo Kabona Asinga Obukulu n'ayimirira n'abuuza Yesu nti, "Tolina ky'oddamu ku bino abasajja bano bye bakuloopa?"
63 Naye Yesu n'asirika busirisi.
Ate Kabona Asinga Obukulu, n'amuddira ng'amugamba nti, "Nkulagira, mu linnya lya Katonda omulamu otutegeeze obanga Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda."
64 Yesu n'addamu nti, "Okyogedde. Naye mbagamba nti, okuva ne kaakano mugenda kulaba Omwana w'Omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'akomawo ku bire eby'eggulu."
65 Kabona Asinga Obukulu, n'ayuza ebyambalo bye, n'agamba nti, "Kuno kuvvoola! Ate kati tukyetaagira ki abajulirwa abalala? Mwenna mumuwulidde ng'akyogera!
66 Mumusalira mutya?" Ne baddamu nti, "Gumusinze! Asaanidde kufa!"
67 Olwo ne bawandira Yesu amalusu mu maaso, abamu ne bamukuba ebikonde ne bamukuba empi,
68 nga bwe bamugamba nti, "Tutegeeze, Kristo, akukubye y'aluwa?"

### *Peetero Yeegaana Yesu*

69 Mu kiseera ekyo Peetero yali atudde mu luggya. Awo omuweereza omuwala n'ajja awali Peetero n'amugamba nti, "Wali wamu ne Yesu, ow'e Ggaliraaya."
70 Naye Peetero ne yeegaana mu maaso ga buli omu ng'agamba nti, "Ky'oyogerako sikimanyi."
71 Oluvannyumako nga Peetero ayimiridde okumpi n'oluggi olunene oluva mu luggya, omuwala omulala n'amulaba, n'agamba abo abaali bayimiridde awo nti, "Omusajja ono yali ne Yesu ow'e Nazaaleesi."
72 Peetero era n'akyegaana, nga kw'atadde n'okulayira nga bw'agamba nti, "Nze oyo n'okumumanya simumanyi."
73 Naye nga wayiseewo akabanga, abasajja abaali bayimiridde awo ne bajja w'ali, ne bamugamba nti, "Ddala ddala oli omu ku bo, kubanga otegeerekeka olw'enjogera yo."
74 Peetero n'atandika okulayira nate, ne yeeyongera okwegaana ng'agamba nti, "Omuntu simumanyi." Amangwago enkoko n'ekookolima.
75 Awo Peetero n'ajjukira ebigambo bya Yesu bye yali amugambye nti, "Enkoko eneeba tennakookolima onoonneegaana emirundi esatu." N'afuluma ebweru ng'akaaba nnyo amaziga.

## 27

### *Yuda Yeetuga*

1 Awo obudde bwe bwakya, bakabona abakulu bonna n'abakulembeze b'Abayudaaya ne beeyongera okukuŋŋaana ne bateeseza wamu balabe ekkubo lye banaayitamu okutta Yesu.
2 Ne bamusiba, ne bamuweereza ewa Piraato eyali gavana Omuruumi.
3 Awo Yuda, eyali amuliddemu olukwe, bwe yalaba nga Yesu bamusalidde omusango gwa kufa, n'azzaayo ebitundu amakumi asatu ebya ffeeza eri bakabona abakulu n'abakulembeze b'Abayudaaya,

4 ng'agamba nti, "Nnyonoonye, kubanga ndiddemu olukwe omusaayi
ogutalina musango." Naye ne bamuddamu nti, "kyo kitukwatako kitya?
Ezo nsoga zo."
5 Kyeyava addira ensimbi eza ffeeza n'aziyiwa mu Yeekaalu n'afuluma
n'agenda yeetuga!
6 Bakabona abakulu ne balondalondawo ensimbi eza ffeeza, ne bagamba
nti, "Kya muzizo okuzissa mu ggwanika lya yeekaalu kubanga muwendo
gwa musaayi."
7 Bwe baamala okukikubaganyaako ebirowoozo, ne basalawo okuzigu-
lamu ennimiro ababumbi mwe baggyanga ebbumba. Ne bateesa ennimiro
eyo okugifuula ekifo eky'okuziikangamu abagwira.
8 Kyebaava batuuma ennimiro eyo, "Ennimiro y'Omusaayi" n'okutuusa
leero.
9 Kino ne kituukiriza nnabbi Yeremiya bye yayogera nti, "Baddira
ebitundu bya ffeeza amakumi asatu, nga gwe muwendo abaana ba
Isirayiri gwe baamulamula,
10 ne bagulamu ennimiro eyali ey'ababumbi, nga Mukama bwe yala-
gira."

### *Yesu mu Maaso ga Piraato*

11 Awo Yesu bwe yayimirira mu maaso ga gavana, Omuruumi, gavana
n'amubuuza nti, "Ggwe Kabaka w'Abayudaaya?" Yesu n'amuddamu nti,
"Okyogedde."
12 Naye bakabona abakulu n'abakulembeze b'Abayudaaya bwe baaleeta
ensonga zaabwe ze baasinziirako okumuwawaabira, Yesu teyabaanukula.
13 Piraato kwe ku mubuuza nti, "Ebyo byonna bye bakwogerako
tobiwulira?"
14 Naye Yesu n'ataddamu kigambo na kimu, era gavana ne kimwewu-
unyisa nnyo.
15 Gavana yalina empisa ey'okusumulula omusibe omu mu kiseera
eky'Embaga y'Okuyitako, ng'omusibe oyo abantu be baamweronderanga.
16 Mu kkomera mwalimu kkondo lukulwe ng'erinnya lye ye Balaba.
17 Awo Piraato n'abuuza ekibiina ekyali kikuŋŋaanye nti, "Mwagala
mbasumululire ani, Balaba oba Yesu, ayitibwa Kristo?"
18 Kubanga yamanya ng'abakulembeze b'Abayudaaya bamuwaddeyo
lwa buggya.
19 Piraato yali akyali wakati mu musango ogwo, mukazi we n'amutumira
n'obubaka buno nti, "Toba na nsonga na musajja oyo omutuukirivu
kubanga natawaanyizibbwa n'ekirooto eky'omuntu oyo."
20 Naye bakabona abakulu n'abakulembeze b'Abayudaaya ne
basendasenda ebibiina basabeyo Balaba y'aba ateebwa, naye Yesu
attibwe.
21 Gavana bwe yaddamu okubabuuza nti, "Ku bano bombi mbateereko
aluwa?" Ekibiina kyonna ne kiddamu nti, "Balaba!"
22 Piraato n'ababuuza nti, "Kale Yesu, ayitibwa Kristo, mukole ntya?"
buli omu n'addamu nti, "Akomererwe!"
23 Piraato n'ababuuza nti, "Lwaki, kiki ky'asobezza?" Naye bo ne
beeyongera kuleekaanira waggulu nti, "Akomererwe!"
24 Awo Piraato bwe yalaba ng'ensoga talina gy'aziraza, ate ng'ebibiina
byagala kusasamala, n'atumya amazzi, n'anaaba engalo ze mu
maaso g'ekibiina nga bw'agamba nti, "Nze siriiko musango gwonna
olw'omusaayi gw'omuntu ono omulungi. Obuvunaanyizibwa bwonna
buli ku mmwe!"

25 Abantu bonna ne baanukula nti, “Omusaayi gwe gubeere ku ffe ne ku baana baffe!”
26 Awo Piraato n’asumulula Balaba n’abamuwa. Naye bwe yamala okukuba Yesu embooko n’amuwaayo bamukomerere.
27 Naye abaserikale baasooka kumutwala mu luggya lw’olubiri, oluyitibwa Pulayitoliyo ne bakuŋŋaanira eyo, ne bayita bannaabwe bonna.
28 Awo ne bamwambulamu engoye ze, ne bamwambaza ekyambalo ekimyufu,
29 ne bakola engule mu maggwa ne bagimutikkira, ne bamukwasa olumuli mu mukono gwe ogwa ddyo. Ne bamufukaamirira nga bamuduuulira nti, “Mirembe, Kabaka w’Abayudaaya!”
30 Ne bamuwandira amalusu, ne bamusikako olumuli ne balumukubya ku mutwe.
31 Eby’okumuduuulira bwe byaggwa, ne bamwambulamu ekyambalo ekimyufu, ne bamwambaza ekyambalo kye ekya bulijjo, ne balyoka bamufulumya okumutwala okumukomerera.

### *Okukomererwa kwa Yesu*

32 Bwe baali nga bagenda gye banaamukomerera, ne basisinkana omusajja omukuleene, erinnya lye nga ye Simooni, ne bamulagira lwa maanyi yeetikke omusaalaba gwa Yesu.
33 Bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa Gologoosa, amakulu nti, “Akasozi k’Ekiwanga,”
34 ne bawa Yesu wayini atabuddwamu omususa, naye bwe yakombako n’amugaana.
35 Bwe baamala okumukomerera, abaserikale ne bagabana ebyambalo bye nga babikubira akalulu.
36 Bwe batyo ne batuula awo nga bamukuuma.
37 Ne bawanika ekipande waggulu w’omutwe gwe ku musaalaba okuwandiikiddwa nti,

“Ono ye Yesu, Kabaka w’Abayudaaya.”

38 Waaliwo n’abanyazi babiri abaakomererwa naye omu ku ddyo, n’omulala ku kkono.
39 Awo abantu abaali bayitawo, ne bamuvuma nga bamunyeenyeza emitwe
40 nga bwe bagamba nti, “Wagamba okumenya Yeekaalu, ate ogizimbe mu nnaku ssatu! Weerokole okke wansi okuva ku musaalaba, obanga ggwe Mwana wa Katonda.”
41 Bakabona abakulu n’abawandiisi, n’abakulembeze abalala ne bamuduuulira, nga bagamba nti,
42 “Yalokolanga balala, naye ye tasobola kwerokola! Kale nga bw’ali Kabaka wa Isirayiri, ave ku musaalaba akke wansi, naffe tunaamukkiriza!
43 Yeesiga Katonda, kale amuggye ku musaalaba obanga Katonda amwagala. Yagamba nti, ‘Ndi Mwana wa Katonda.’ ”
44 N’abanyazi ababiri abaakomererwa awamu naye nabo ne bamuvuma.

### *Okufa kwa Yesu*

45 Okuviira ddala ku ssaawa mukaaga mu ttuntu okutuusiza ddala essaawa mwenda ez’olweggulo ensi yonna yabikkibwa ekizikiza.
46 Ku ssaawa nga mwenda Yesu n’ayogerera waggulu n’eddoboozi ery’omwanguka nti, “Eri, Eri lama sabakusaani,” ekitegeeza nti, “Katonda wange, Katonda wange, lwaki onjabulidde?”

47 Naye abamu ku baali bayimiridde awo bwe baakiwulira ne bagamba
nti, “Ayita Eriya.”
48 Amangwago omu n’adduka n’addira ekyangwe n’akinnyika mu
mwenge omukaatuufu n’akiteeka ku muti, n’akimuwa anuuneko.
49 Naye abalala ne bagamba nti, “Mumuleke. Ka tulabe obanga Eriya
anajja n’amulokola.”
50 Awo Yesu ne yeeyongera okwogerera waggulu n’eddoboozi eddene,
n’awaayo omwoyo gwe.
51 Era laba! Eggigi ly’omu Yeekaalu ne liyulikamu wakati okuva waggulu
okutuuka wansi; ensi n’ekankana, n’enjazi ne zaatika.
52 Entaana ne zibikkuka era abantu ba Katonda bangi abaali bafudde ne
bazuukira,
53 era Yesu bwe yamala okuzuukira ne bava mu ntaana gye baali
baziikiddwa ne bayingira mu kibuga ekitukuvu ne balabibwa abantu
bangi.
54 Omuserikale omukulu w’ekibinja ky’abaserikale ekikumi,
n’abaserikale abaali bakuuma Yesu, bwe baalaba okukankana kw’ensi
ng’okwa musisi, n’ebirala ebyabaawo, ne batya nnyo. Ne bagamba nti,
“Ddala ddala ono abadde Mwana wa Katonda.”
55 Waaliwo n’abakazi bangi abaayitanga ne Yesu abaava naye e
Ggaliraaya nga bamuweereza, baali beesuddeko akabanga, nga balaba
ebigenda mu maaso.
56 Mu bo mmwe mwali Maliyamu Magudaleene ne Maliyamu nnyina wa
Yakobo ne Yusufu, ne nnyina w’abaana ba Zebbedaayo.

### *Okuziika Yesu*

57 Obudde bwe bwawungeera, ne wajja omusajja omugagga ng’ava
Alimasaya, erinnya lye Yusufu eyali omu ku bagoberezi ba Yesu.
58 N’agenda eri Piraato n’asabayo omulambo gwa Yesu. Piraato n’alagira
bagumuwe.
59 Yusufu n’atwala omulambo n’aguzinga mu lugoye olulungi olwa
linena,
60 n’agugalamiza mu ntaana ye empya gye yatema mu lwazi, n’addira
ejjinja eddene n’aliyiringisiza mu mulyango gw’entaana n’aggalawo, ne
yeetambulira.
61 Maliyamu Magudaleene ne Maliyamu munne, bombi baali batudde
awo kumpi n’entaana.

### *Abakuumi ku Ntaana*

62 Enkeera, ng’olunaku olusooka mu nnaku z’Embaga y’Okuyitako
luweddeko, bakabona abakulu n’Abafalisaayo ne bagenda eri Piraato,
63 ne bamugamba nti, “Oweekitiibwa, omulimba oli tujjukira ng’akyali
mulamu yagamba nti, ‘Nga wayiseewo ennaku ssatu ndizuukira.’
64 Noolwekyo tukusaba olagire entaana ye ekuumibwe, okutuusa ku
lunaku olwokusatu, abayigirizwa be baleme kumubbamu, ne balyoka
bategeeza abantu nti azuukidde! Singa ekyo kiba bwe kityo, ekyo kye
kijja okuba ekibi ennyo okusinga n’ekyasooka.”
65 Piraato n’abaddamu nti, “Mukozese abaserikale bammwe be mulina
mugende mugikuume.”
66 Bwe batyo ne bateeka akabonero ak’envumbo ku jjinja eryaggala
omulyango gw’entaana, ne bateekawo n’abakuumi.

# 28

*Yesu Azuukira*

1 Oluvannyuma lwa Ssabbiiti ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu,
ng'obudde bukya, Maliyamu Magudaleene ne Maliyamu oli omulala ne
balaga ku ntaana.
2 Mu kiseera ekyo ne wabaawo okukankana ng'okwa musisi. Malayika
wa Mukama yakka okuva mu ggulu n'ayiringisa ejjinja ne liva mu
mulyango gw'entaana, n'alituulako.
3 Amaaso ge gaali gamasamasa ng'okumyansa kw'eraddu, n'ekyambalo
kye nga kyeru ekitukula be tukutuku.
4 Abakuumi bwe baamulaba, ne bakankana nga batidde nnyo ne bagwa
wansi ne baba ng'abafudde.
5 Awo malayika n'agamba abakazi nti, "Temutya. Mmanyi nga
munoonya Yesu, eyakomererwa,
6 wabula taliiwo wano! Azuukidde mu bafu, nga bwe yagamba.
Muyingire mulabe we yali agalamiziddwa.
7 Kale kaakano, mugende mangu mutegeeze abayigirizwa be nti,
Azuukidde mu bafu, era abakulembeddemu okugenda e Ggaliraaya gye
mulimusisinkana. Obwo bwe bubaka bwange bwe muba mubatuusaako."
8 Abakazi abo ne badduka embiro nnyingi nga bava ku ntaana kyokka
nga batidde nnyo, naye ate nga bajjudde essanyu. Ne bayanguwa mangu
okugenda okubuulira abayigirizwa be.
9 Bwe baali bagenda, amangwago Yesu n'ayimirira mu maaso gaabwe!
N'abalamusa nti, "Mirembe?" Ne bagwa wansi ne bavuunama mu maaso
ge, ne bamukwata ku bigere ne bamusinza.
10 Awo Yesu n'abagamba nti, "Temutya, mugende mugambe aboolu-
ganda bagende mangu e Ggaliraaya, gye balindabira."

*Abakuumi bye Baayogera*

11 Abakazi bwe baali bagenda mu kibuga, abamu ku bakuumi abaali
bakuuma entaana ne bagenda eri bakabona abakulu ne babategeeza
byonna ebibaddewo.
12 Awo abakulembeze b'Abayudaaya bonna ne bakuŋŋaana ne bateesa
era ne batoola ffeeza na basalawo bagulirire abakuumi.
13 Ne babalagira bagambe nti, "Bwe twali twebase ekiro, abayigirizwa
ne bajja ne babba omulambo gwa Yesu ne bagutwala."
14 Abaali mu lukiiko olwo ne basuubiza abakuumi nti, "Singa ebigambo
bino bituuka ku gavana, ffe tujja kumuwooyawooya, tubazibire."
15 Bwe batyo abaserikale ne balya enguzi, ne bakkiriza okwogera
nga bwe baabagamba. Ebigambo byabwe ne bibuna nnyo wonna mu
Buyudaaya, n'okutuusa ku lunaku lwa leero.

*Okutumibwa mu Nsi yonna*

16 Awo abayigirizwa ekkumi n'omu ne basitula ne bagenda e Ggaliraaya
ku lusozi Yesu gye yabagamba okumusanga.
17 Ne bamusisinkana ne bamusinza. Naye abamu ku bo tebaakakasiza
ddala nti ye Yesu, ne babuusabuusa!
18 Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeered-
dwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.
19 Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga
mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.

20 Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo."

# Enjiri nga bwe Yawandiikibwa Makko

### *Yokaana Omubatiza Alongoosa Ekkubo*

1 Entandikwa y'Enjiri ya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda.
2 Kyawandiikibwa mu kitabo kya nnabbi Isaaya nti,
"Laba ntuma omubaka wange akukulembere,
ateeketeeke ekkubo lyo;
3 eddoboozi ly'oyo ayogelera waggulu mu ddungu nti,
'Muteeketeeke ekkubo lya Mukama,
mutereeze amakubo ge.' "
4 Yokaana yajja ng'abatiriza mu ddungu, ng'abuulira okubatiza
okw'okwenenya olw'okusonyiyibwa ebibi.
5 Ensi yonna ey'e Buyudaaya n'abantu bonna ab'omu Yerusaalemi, ne
bagendanga gy'ali, n'ababatiza mu mugga Yoludaani nga baatula ebibi
byabwe.
6 Yokaana yayambalanga ekyambalo eky'obwoya bw'eŋŋamira, ne yeesi-
banga olukoba olw'eddiba mu kiwato kye, era yalyanga nzige na mubisi
gwa njuki.
7 Yabuuliranga ng'agamba nti, "Waliwo omuntu omukulu era ansinga
amaanyi ajja okujja, gwe sisaanira na kusumulula bukoba bwa ngatto ze.
8 Nze mbabatiza na mazzi, naye ye alibabatiza na Mwoyo Mutukuvu."

### *Okubatizibwa kwa Yesu n'Okukemebwa kwe*

9 Awo olwatuuka mu nnaku ezo Yesu n'ava e Nazaaleesi mu Ggaliraaya
n'ajja, Yokaana n'amubatiza mu mugga Yoludaani.
10 Awo Yesu bwe yali yaakava mu mazzi, n'alaba eggulu nga libikkuse,
ne Mwoyo ng'ali ng'ejjiba ng'amukkako.
11 Eddoboozi ne liva mu ggulu nga ligamba nti, "Ggwe Mwana wange
omwagalwa, ggwe, gwe nsanyukira ennyo."
12 Amangwago Mwoyo n'amutwala mu ddungu.
13 N'amalayo ennaku amakumi ana ng'ali n'ensolo ez'omu nsiko,
ng'akemebwa Setaani, kyokka nga bamalayika bamuweereza.

### *Yesu Ayita Abayigirizwa Abaasooka*

14 Oluvannyuma nga Yokaana Omubatiza amaze okusibwa mu kkomera,
Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira Enjiri ya Katonda,
15 ng'agamba nti, "Ekiseera kituukiridde, n'obwakabaka bwa Katonda
busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri."
16 Awo Yesu yali ng'ayita ku lubalama lw'ennyanja y'e Ggaliraaya,
n'alaba Simooni ne muganda we Andereya nga basuula obutimba bwabwe
mu nnyanja; kubanga baali bavubi.
17 Yesu n'abagamba nti, "Mujje mungoberere nange ndibafuula abavubi
b'abantu!"
18 Amangwago ne baleka obutimba bwabwe ne bamugoberera.
19 Bwe yeeyongerayo katono, n'alaba Yakobo ne Yokaana batabani ba
Zebbedaayo, nga bali mu lyato baddaabiriza obutimba bwabwe.
20 Amangwago n'abayita ne baleka kitaabwe Zebbedaayo mu lyato
n'abapakasi, ne bagoberera Yesu.

### *Yesu Awonya Omusajja Eyaliko Dayimooni*

21 Awo ne bayingira mu Kaperunawumu. Amangwago n'ayingira mu kuŋŋaaniro ku Ssabbiiti, n'abayigiriza.
22 Ne beewuunya okuyigiriza kwe, kubanga yabayigiriza nga nannyini buyinza, so si ng'abannyonnyozi b'amateeka bwe baakolanga.
23 Amangwago ne walabika omusajja eyaliko omwoyo omubi mu ssinzizo, n'awowoggana,
24 ng'agamba nti, "Otwagaza ki Yesu Omunnazaaleesi? Ozze okutuzikiriza? Nkumanyi gwe Mutukuvu wa Katonda."
25 Awo Yesu n'aguboggolera ng'agamba nti, "Sirika era muveeko."
26 Awo omwoyo omubi ne gumusikambula nnyo, ne gumuvaako.
27 Buli omu ne yeewuunya, ne beebuuzaganya nti, "Kuyigiriza kwa ngeri ki kuno okuggya okujjudde obuyinza? So n'emyoyo emibi agiragira ne gimugondera."
28 Amangwago amawulire agamukwatako ne gasaasaana wonna mu byalo ebyetoolodde Ggaliraaya.

### *Yesu Awonya Nnyina wa Muka Simooni*

29 Amangwago ne bava mu kkuŋŋaaniro ne bagenda mu nnyumba ya Simooni ne Andereya nga bali ne Yakobo ne Yokaana.
30 Ne basanga nga nnyina muka Simooni agalamidde mulwadde omusujja. Amangwago ne bakitegeeza Yesu.
31 Bwe yamusemberera, n'amukwata ku mukono n'amuyimusa, omusujja ne gumuwonako, n'abaweereza!

### *Yesu Awonya Abalwadde Abangi*

32 Awo obudde bwe bwali buwungeera, ng'enjuba egwa, ne bamuleetera abalwadde bonna, n'abaaliko dayimooni.
33 Ekibuga kyonna ne kikuŋŋaanira ku luggi.
34 Era Yesu n'awonya abalwadde bangi abaalina endwadde ez'enjawulo era n'abaaliko baddayimooni bangi n'ababagobako, ne baddayimooni teyabaganya kwogera, kubanga baali bamumanyi.

### *Yesu Asaba Yekka mu Kifo Eteri Bantu*

35 Enkeera ng'obudde tebunnalaba yesu n'azuukuka n'agenda yekka mu kifo ekyekusifu, okusaba.
36 Awo Simooni ne be yali nabo ne bamunoonya,
37 bwe baamulaba ne bamugamba nti, "Buli muntu akunoonya."
38 Naye Yesu n'abagamba nti, "Tugende awalala mu byalo ebituliraanye, n'abeeyo mbabuulire, kubanga ekyo kye najjirira."
39 Awo n'abuulira mu makuŋŋaaniro ag'omu kitundu kyonna eky'e Ggaliraaya, era n'agoba ne baddayimooni.

### *Yesu Awonya Omugenge*

40 Awo omugenge* n'ajja eri Yesu ne yeegayirira ng'afukamidde mu maaso ge, n'amugamba nti, "Bwe kuba nga kwe kusiima kwo, oyinza okunnongoosa."
41 Yesu n'amusaasira, n'agolola omukono gwe, n'amukwatako, n'amugamba nti, "Nsiimye, longooka!"
42 Amangwago ebigenge ne bimuwonako, n'aba mulongoofu.
43 Awo Yesu n'amukuutira nnyo n'amusiibula,

* **1:40** ekigambo ekyakozesebwa mu Luyonaani kitegeeza endwadde zonna ez'olususu, si bigenge byokka

44 ng'agamba nti, "Kino tokibuulirako muntu n'omu, wabula genda
weeyanjule eri kabona, oweeyo n'ekirabo Musa kye yalagira okuweeb-
wangayo, okuba obujulirwa gye bali."
45 Naye omusajja n'atandika okwogera ku ebyo ebyamubaako,
n'okubibunyisa. Yesu n'atasobola kuyingira mu kibuga mu lwatu, naye
n'abeeranga mu bifo ebyekusifu. Abantu ne bajjanga gy'ali okuva mu
njuyi zonna.

# 2

## *Yesu Awonya Omulwadde w'Olukonvuba*

1 Awo bwe waayitawo ennaku nnyingi Yesu n'akomawo mu kibuga
Kaperunawumu, ne kiwulirwa nti ali ka.
2 Abantu bangi ne bakuŋŋaana, ne wataba kafo wayinzika kuyisibwa
kigere ku mulyango; n'ababuulira Enjiri.
3 Omulwadde eyali akoozimbye ne bamuleeta eri Yesu ng'asituliddwa
abasajja bana.
4 Naye bwe balemwa okuyingiza omulwadde eyali akoozimbye
olw'ekibiina ekinene ne baseluukulula ku kasolya ne bassa omulwadde
ng'ali ku katanda ke.
5 Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba omulwadde eyali
akoozimbye nti, "Mwana wange ebibi byo bikusonyiyiddwa."
6 Naye abamu ku bannyonnyozi b'amateeka abaali batudde awo nga
balowooza ku bintu bino mu mitima gyabwe ne boogera nti,
7 "Ono ayinza atya okwogera bw'atyo? Avvodde! Ani ayinza okusonyiwa
ebibi okuggyako Katonda?"
8 Amangwago Yesu n'amanya mu mutima gwe bye baali boogerako
bokka ne bokka n'ababuuza nti, "Lwaki mwebuuzaganya ebintu bino mu
mitima gyammwe?
9 Ekyangu kye kiruwa, okugamba akoozimbye nti ebibi byo biku-
sonyiyiddwa oba nti yimirira ositule akatanda ko otambule?
10 Naye mmwe okusobola okutegeera ng'Omwana w'Omuntu alina
obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi;" n'agamba eyali akoozimbye nti,
11 "Yimirira ositule akatanda ko oddeyo ewuwo."
12 Awo omusajja n'asituka, amangwago n'asitula akatanda ke n'afuluma
nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era ne bagulumiza Katonda,
nga bagamba nti, "Kino tetukirabangako."

## *Yesu Ayita Leevi*

13 Awo Yesu n'addayo nate ku lubalama lw'ennyanja ekibiina ky'abantu
ne bajja gy'ali, n'abayigiriza.
14 Awo bwe yali ng'atambula n'alaba Leevi mutabani wa Alufaayo
ng'atudde we yasoloolezanga omusolo, n'amugamba nti, "Ngoberera."
Awo Leevi n'asituka n'amugoberera.
15 Awo Yesu bwe yali mu nnyumba ya Leevi nga bali ku mmere, ng'ali
wamu n'abawooza, n'abalina ebibi, n'abayigirizwa be, ng'abantu bangi
bamugoberedde,
16 abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne baalaba Yesu ng'alya
n'abalina ebibi n'abawooza, ne bagamba abayigirizwa be nti, "Lwaki alya
n'abawooza n'abalina ebibi?"
17 Yesu bwe yakiwulira n'abagamba nti, "Abalamu tebeetaaga musawo,
wabula abalwadde! Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi."

### *Yesu Bamubuuza ku by'Okusiiba*

18 Abayigirizwa ba Yokaana n'ab'Abafalisaayo baali basiiba. Abantu
ne bajja eri Yesu ne bamubuuza nti, "Lwaki abayigirizwa ba Yokaana
n'abayigirizwa b'Abafalisaayo basiiba, naye abayigirizwa bo ne batasi-
iba?"
19 Awo Yesu n'abaddamu nti, "Ddala ddala abali n'awasiza omugole
bayinza batya okusiiba, ng'awasizza omugole ali nabo?
20 Naye ekiseera kirituuka awasizza omugole bw'alibaggibwako; okuva
olwo ne balyoka basiiba.
21 Teri muntu atunga kiwero kiggya mu lugoye olukadde kubanga
ekiwero ekiggya kiyuza olugoye olukadde, n'ekituli ne kyeyongera
okugaziwa.
22 Teri muntu ateeka mwenge musu mu nsawo z'amaliba nkadde
kubanga omwenge omusu gwabya ensawo enkadde, omwenge ne guyiika,
n'ensawo ne ziyulika. Naye omwenge omusu baguteeka mu nsawo mpya."

### *Yesu ye Mukama wa Ssabbiiti*

23 Awo mu biro ebyo Yesu yali ayita mu nnimiro y'emmere ey'empeke ku
Ssabbiiti, abayigirizwa be ne batandika okunoga ku birimba by'emmere
ey'empeke.
24 Abafalisaayo ne bagamba Yesu nti, "Lwaki abayigirizwa bo bakola
ekitakkirizibwa ku Ssabbiiti."
25 Yesu n'abaddamu nti, "Temusomanga ku Dawudi kye yakola bwe
yalina okwetaaga n'enjala ng'emuluma, ye ne be yali nabo,
26 bwe yayingira mu nnyumba ya Katonda mu biro bya Abiyasaali
kabona omukulu, n'alya emigaati egy'okulaga n'awaako n'abo be yali
nabo, egitakkirizibwa kuliibwako bantu balala okuggyako bakabona."
27 N'abagamba nti, "Ssabbiiti yateekebwawo lwa muntu, so si omuntu
ku lwa Ssabbiiti.
28 Noolwekyo Omwana w'Omuntu ye Mukama wa Ssabbiiti."

## 3

1 Awo Yesu n'ayingira nate mu kkuŋŋaaniro, nga mulimu omusajja
eyalina omukono ogukaze.
2 Baali balindirira okulaba obanga anaamuwonya ku Ssabbiiti balyoke
bamuwawaabire.
3 Yesu n'agamba omusajja eyalina omukono ogukaze nti, "Yimirira
wakati."
4 N'abagamba nti, "Kikkirizibwa okukola ekirungi ku Ssabbiiti oba
okukola ekibi? Okuwonya bulamu oba okubuzikiriza?" Naye ne
batamuddamu.
5 Yesu n'abatunuulira ng'akambuwadde era nga munakuwavu nnyo
olw'obukakanyavu bw'emitima gyabwe, n'agamba omusajja nti, "Golola
omukono gwo." N'agolola omukono gwe, ne guwona.
6 Amangwago Abafalisaayo ne bafuluma ne bateesa n'Abakerodiyaani
nga bwe banaamuzikiriza.

### *Ebibiina Bigoberera Yesu*

7 Awo Yesu n'abayigirizwa be ne bagenda ku nnyanja. Ekibiina kinene
ekyava mu Ggaliraaya ne mu Buyudaaya ne kimugoberera.
8 N'abalala ne bava mu kibuga Yerusaalemi, n'abalala mu Idumaya,
n'abalala ne bava emitala w'omugga Yoludaani n'okwetooloola Ttuulo ne

Sidoni ne bamugoberera. Ekibiina ky'abantu bwe baawulira bye yali akola ne bajja gy'ali.

9 Yesu n'agamba abayigirizwa be eryato limubeere kumpi olw'ekibiina ekinene, ekibiina kireme kumunyigiriza.

10 Kubanga yawonya bangi, bangi ne baagala okumugwira bamukwateko olw'endwadde zaabwe.

11 Awo emyoyo emibi bwe gyamulaba ne gigwa mu maaso ge nga gireekaana nga gigamba nti, "Ggwe Mwana wa Katonda."

12 Naye n'agikomako gireme okumwatuukiriza.

### *Yesu Alonda Abayigirizwa Ekkumi n'Ababiri*

13 Awo Yesu n'alinnya ku lusozi, n'ayita abo be yayagala, ne bajja gy'ali.

14 N'alonda kkumi na babiri mu abo, be yafuula abatume babeerenga naye, era abatumenga okubuulira.

15 N'abawa n'obuyinza okugobanga baddayimooni. Ekkumi n'ababiri be yalonda be bano:

16 Awo n'alonda ekkumi na babiri era be bano:

Simooni, gwe yatuuma "Peetero" ne
17 Yakobo ne Yokaana, batabani ba Zebbedaayo, Yesu be yatuuma "Bowanerege" amakulu nti, "Abaana b'Okubwatuka."
18 Andereya,
ne Firipo,
ne Battolomaayo,
ne Matayo,
ne Tomasi,
ne Yakobo, omwana wa Alufaayo
ne Saddayo,
ne Simooni, Omukananaayo,
19 ne Yuda Isukalyoti eyamulyamu olukwe.

### *Yesu ne Beeruzebuli*

20 Awo Yesu n'ayingira mu nnyumba ekibiina kinene ne bakuŋŋaanira nate w'ali, ye ne be yali nabo ne batasobola kulya.

21 Awo baganda be bwe baakiwulira ne bagenda bamuggyeyo, kubanga baalowooza nti alaluse.

22 Naye abannyonnyozi b'amateeka abaava e Yerusaalemi ne bagamba nti, "Aliko Beeruzebuli omukulu wa baddayimooni, era obuyinza bwe bw'akozesa okugoba baddayimooni."

23 Awo Yesu n'abayita n'ayogera nabo mu ngero ng'agamba nti, "Setaani ayinza atya okugoba Setaani?

24 Obwakabaka bwe bwawukana tebuyinza kubaawo.

25 N'ennyumba eyawukanye, teyinza kubeerawo.

26 Ne Setaani bw'atyo bw'alwanagana yekka na yekka tayinza kubaawo. Wabula yeezikiriza yekka.

27 Naye tewali ayinza kuyingira mu nnyumba ya muntu w'amaanyi, okunyaga ebintu bye nga tasoose kumusiba n'alyoka anyaga ebintu bye.

28 Ddala ddala mbagamba nti buli kintu kyonna omuntu ky'akola kirisonyiyibwa abaana b'abantu, ebibi n'okuvvoola kwonna kwe bavvoola.

29 Naye buli alivvoola Mwoyo Mutukuvu talisonyiyibwa, emirembe
n'emirembe naye alisingibwa omusango olw'ekibi eky'emirembe
n'emirembe."
30 Yayogera atyo gye bali kubanga baagamba nti, "Aliko omwoyo omubi."

### *Baganda ba Yesu ne Nnyina*

31 Awo baganda ba Yesu ne nnyina ne bajja gy'ali ebweru nga baagala
okumulaba. Awo ne bamutumira bamuyite ajje ayogere nabo.
32 Ekibiina ky'abantu kyali kimwetoolodde, ne bamugamba nti, "Nnyoko
ne baganda bo ne bannyoko bali wabweru bakunoonya."
33 Naye n'abaddamu nti, "Mmange ye ani, ne baganda bange be baani?"
34 Awo bwe yeetoolooza amaaso abo abaali batudde nga bamwebungu-
ludde, n'abagamba nti, "Bano be mulaba be bammange era be baganda
bange!
35 Kubanga buli muntu akola Katonda by'asiima ye muganda wange, ye
mwannyinaze era ye mmange."

## 4

### *Olugero lw'Omusizi*

1 Ate era n'atandika okuyigiriza ku lubalama lw'ennyanja. Ekibiina
ky'abantu kinene nnyo ne bakuŋŋaana okumwetooloola. Kyeyava alinnya
mu lyato n'ayigiriza ng'atudde omwo.
2 Yabayigirizanga ebintu bingi mu ngero. N'abayigiriza ng'agamba nti,
3 "Muwulirize. Waaliwo omulimi eyafuluma okusiga ensigo.
4 Bwe yali ng'azimansa ng'asiga mu nnimiro, ezimu ne zigwa ku mabbali
g'ekkubo ennyonyi ne zijja ne zizirya.
5 N'endala ne zigwa ku ttaka ery'ekyaziyazi awatali ttaka lingi, ezo ne
zimera mangu kubanga tezaali mu ttaka gwanvu.
6 Awo omusana bwe gwayaka ne zikalirawo, kubanga emirandira gyali
kungulu.
7 Endala ne zigwa mu maggwa. Awo ensigo ne zikula kyokka amaggwa
ne gazitta ne zitabala bibala.
8 Endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ezo ne zibala ebibala, ezimu
emirundi amakumi asatu, endala emirundi nkaaga, n'endala kikumi."
9 N'abagamba nti, "Oyo alina amatu agawulira awulire."
10 Awo bwe yasigala yekka, abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abantu
abalala, ne bamubuuza amakulu g'engero ezo ze yabagerera.
11 Yesu n'abagamba nti, "Mmwe muweereddwa omukisa okumanya
ekyama ekifa ku bwakabaka bwa Katonda ekyakisibwa abantu abalala
abali ebweru waabwo."
12 "Balaba bulabi naye nga tebeetegereza,
era n'okuwulira bawulira naye tebategeera,
si kulwa nga bakyuka ne basonyiyibwa."
13 "Kale obanga temutegedde makulu ga lugero luno olwangu bwe luti
mulitegeera mutya endala ze ŋŋenda okweyambisa nga njigiriza?
14 Omusizi asiga ekigambo y'asiga.
15 Ate ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo, be bawulira ekigambo,
amangwago Setaani n'ajja n'akibatwalako.
16 Ate ensigo ezaagwa ku byaziyazi, gy'emitima gy'abantu abawulira
ekigambo amangwago ne bakyaniriza n'essanyu.

17 Naye tebalina mirandira, babeera bulungi okusooka, naye olu-
tuukibwako ebizibu oba okuyigganyizibwa olw'ekigambo amangwago
babivaako.
18 Ate endala ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo,
19 naye okweraliikirira n'okusikirizibwa eby'obugagga n'okwegomba
ebintu ebirala, bizikiriza ekigambo ne kitabala bibala.
20 Ettaka eddungi gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo ne bakkir-
iriza ddala era ne bavaamu ebibala, emirundi amakumi asatu, abalala
emirundi nkaaga, n'abalala kikumi."
21 Awo Yesu n'ababuuza nti, "Waliwo omuntu akoleeza ettaala
n'agivuunikako ekibbo oba n'agiteeka wansi w'ekitanda? Naye omuntu
bw'akoleeza ettaala tagiteeka ku kikondo waggulu?
22 Kubanga buli kintu kyonna ekikolebwa mu kyama kaakano, ekiseera
kirituuka ne kiragibwa mu lwatu.
23 Alina amatu agawulira awulire.
24 Naye mwegendereze ebyo bye mbayigiriza.
25 Alina aliweebwa na buli atalina aliggyibwako n'ebyo by'alina."

### *Olugero lw'Ensigo Ekula*

26 Awo Yesu n'abagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda bufaanaanyi-
rizibwa n'omusizi asiga ensigo mu ttaka.
27 Ekiro yeebaka, n'emisana ne yeekolera by'ayagala, mu kiseera ekyo
kyonna ensigo ziba zimera, naye ate nga takimanyi.
28 Ku bwalyo ettaka lireeta ekibala. Ensigo zisooka kusindika bulimi
bwazo okuva mu ttaka, amatabi ne gajjako ebirimba by'eŋŋaano.
29 Eŋŋaano bw'eyengera omusizi ayanguwa mangu n'akwata akayuuyo,
kubanga amakungula gatuuse."
30 Awo Yesu n'ayongera n'abagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda
tunaabugeraageranya na ki? Oba tukozese lugero ki okubunnyonnyola?
31 Bufaananyizibwa n'akasigo aka kaladaali! Kubanga newaakubadde
katono nnyo okusinga ensigo zonna ez'oku nsi,
32 naye kavaamu omuti omunene nga gulina amatabi amanene, enny-
onyi ez'omu bbanga mwe ziyinza okuzimba ebisu byazo."
33 Yesu n'abuulira abantu ekigambo kya Katonda ng'akozesa engero
nnyingi ezifaanana ng'ezo, nga bwe baasobolanga okuwulira.
34 Yesu bwe yabanga ayigiriza ebibiina yakozesanga engero, naye bwe
yaddanga ebbali n'abayigirizwa be n'abannyonnyola amakulu agali mu
ngero ezo.

### *Yesu Akkakkanya Omuyaga*

35 Ku lunaku olwo obudde nga buwungedde Yesu n'agamba abayigirizwa
be nti, "Tuwunguke tulage emitala."
36 N'aleka awo ekibiina, abayigirizwa be ne balinnya mu lyato Yesu mwe
yali ne bagenda naye. Abantu abamu ne babagobera mu maato agaabwe.
37 Amangwago omuyaga mungi nnyo ne gukunta n'amayengo amagulu-
mivu ne geeyiwa mu lyato ne libulako katono okujjula amazzi.
38 Yesu yali agalamidde emabega mu lyato nga yeezizise omutto yeebase.
Awo abayigirizwa be ne bamuzuukusa nga bagamba nti, "Omuyigiriza,
ggwe tofaayo nga ffenna tugenda okusaanawo?"
39 N'azuukuka n'aboggolera omuyaga n'agamba ennyanja nti, "Tteeka,
sirika." Omuyaga ne gusirika n'ennyanja n'eteekera ddala.
40 N'ababuuza nti, "Lwaki mutidde? Temunnaba kubeera na kukkiriza?"

[41] Ne batya nnyo, ne beebuuza nti, “Ono ye ani, embuyaga n’ennyanja
gwe bigondera?”

# 5

### *Yesu Awonya Omusajja Eyaliko Baddayimooni*

[1] Awo Yesu n’abayigirizwa be ne batuuka emitala w’ennyanja mu nsi
y’Abageresene.
[2] Yesu bwe yali yaakava mu lyato omuntu eyaliko omwoyo omubi n’ajja
gy’ali ng’ava mu malaalo.
[3] Omuntu ono yasulanga mu malaalo era yali alaluse nnyo nga tewakyali
na muntu asobola kumusiba.
[4] Emirundi mingi baagezangako okumussa ku mpingu n’okusiba amag-
ulu ge n’enjegere naye byonna ng’abikutulakutula. Ne wataba na muntu
w’amaanyi ayinza kumusiba kumunyweza.
[5] Naye bulijjo yatambulanga emisana n’ekiro mu malaalo ne mu nsozi.
Yawowoggananga nga bw’akaaba era nga bwe yeesalaasala n’amayinja.
[6] Awo bwe yalengera Yesu ng’akyali walako ku nnyanja n’adduka
n’agenda eryato we lyagoba, n’asinza Yesu.
[7] N’aleekaana nnyo nti, “Onjagaza ki, ggwe Yesu, Omwana wa Ka-
tonda, Ali Waggulu Ennyo? Nkwegayirira, olw’ekisa kya Katonda,
tombonyaabonya.”
[8] Kubanga Yesu yali alagidde omwoyo omubi okuva ku musajja.
[9] Awo Yesu n’amubuuza nti, “Erinnya lyo ggw’ani?” N’addamu nti,
“Erinnya lyange nze Ligyoni, kubanga tuli bangi.”
[10] N’amwegayirira nnyo aleme okumugoba mu kitundu ekyo.
[11] Awo waaliwo eggana ly’embizzi nnyingi nnyo ku lusozi nga zirya.
[12] Omwoyo omubi ne gwegayirira Yesu nti, “Tusindike mu mbizzi ziri.”
[13] Yesu n’abakkiriza, ne bava ku musajja ne bayingira mu ggana
ly’embizzi. Awo eggana ly’embizzi lyonna ne liserengetera ku kagulun-
gujjo ne lyeyiwa mu nnyanja, embizzi zonna ne zisaanawo.
[14] Awo abaali bazirunda ne badduka mangu ne bagenda bategeeze
ab’omu kibuga ne mu byalo ebiriraanyeewo. Abantu bangi ne bajja
okulaba ebibaddewo.
[15] Ekibiina ky’abantu ne kikuŋŋaana awali Yesu, naye bwe baalaba
omusajja eyaliko ligyoni ng’ayambadde bulungi era ng’ategeera bulungi,
ne batya nnyo.
[16] Abo abaaliwo ne babategeeza ebyatuuka ku musajja eyaliko ddayi-
mooni n’ebyatuuka ku mbizzi.
[17] Awo abantu ne batandika okwegayirira Yesu abaviire!
[18] Yesu bwe yali ng’alinnya mu lyato, omusajja eyali abaddeko badday-
imooni n’amwegayirira bagende bonna.
[19] Yesu n’atakkiriza, n’amugamba nti, “Ddayo ewammwe mu
bantu bo obabuulire ebintu byonna Mukama by’akukoledde era nga
bw’akusaasidde.”
[20] Awo omusajja oyo n’agenda ng’atambula mu Dekapoli* (ebibuga
eby’omu kitundu ekyo) ng’abuulira abantu Katonda bye yali amukoledde
byonna. Bonna abaabiwulira ne bawuniikirira nnyo.

### *Omuwala Eyali Afudde, n’Omukazi Omulwadde*

* **5:20** dekapoli kitegeeza ebibuga kkumi ebiri awamu

21 Awo Yesu n’awunguka mu lyato nate n’atuuka emitala w’ennyanja. Abantu bangi ne bakuŋŋaanira w’ali ku lubalama lw’ennyanja.

22 Omukulu w’ekkuŋŋaaniro erinnya lye Yayiro n’ajja n’agwa w’ali,

23 n’amwegayirira nnyo ng’agamba nti, “Muwala wange abulako katono okufa. Nkwegayiridde jjangu omukwateko omuwonye.”

24 Awo Yesu n’agenda naye n’ekibiina ky’abantu kinene ne kimugoberera nga bagenda bamunyigiriza.

25 Mu kibiina omwo mwalimu omukazi eyali amaze emyaka kkumi n’ebiri nga mulwadde ekikulukuto ky’omusaayi.

26 Yali yeewuubye mu basawo bangi abaamujanjabanga okumala emyaka egyo gyonna; ne byonna bye yalina nga bimuweddeko, obulwadde ne butawona wabula okweyongera obweyongezi.

27 Yali awulidde ebikwata ku Yesu. Bw’atyo n’ajja nga yeenyigiriza mu kibiina ky’abantu n’atuuka emabega wa Yesu, n’akoma ku kyambalo kye.

28 Kubanga yagamba mu mutima gwe nti, “Ne bwe nnaakoma obukomi ku kyambalo kye nzija kuwona.”

29 Awo olwakikomako, amangwago ekikulukuto ky’omusaayi ne kikalira n’ategeerera ddala ng’awonye.

30 Amangwago Yesu n’awulira ng’amaanyi agamuvuddemu, n’akyukira ekibiina ky’abantu n’abuuza nti, “Ani akutte ku kyambalo kyange?”

31 Naye abayigirizwa be ne bamuddamu nti, “Ku bantu abangi bati abakunyigiriza oyinza otya okubuuza nti, ‘Ani ankutteko?’ ”

32 Naye Yesu ne yeetoolooza amaaso ge mu bonna alabe oyo amukutteko.

33 Awo omukazi bwe yategeera ekituuseewo n’ajja eri Yesu ng’atidde nnyo era ng’akankana, n’agwa awo mu maaso ga Yesu n’amutegeeza amazima gonna.

34 Yesu n’agamba omukazi nti, “Omuwala, okukkiriza kwo kukuwonyezza, genda mirembe obulwadde bwo buwonedde ddala.”

35 Naye yali akyayogera n’omukazi ababaka ne batuuka nga bava mu maka g’omukulu w’ekuŋŋaaniro, ne babikira Yayiro nti, “Omuwala afudde, noolwekyo tekikyetaagisa kuteganya Muyigiriza.”

36 Yesu n’awulira ebigambo ebyayogerwa wabula n’agamba omukulu w’ekkuŋŋaaniro nti, “Totya, ggwe kkiriza bukkiriza.”

37 Awo Yesu n’aziyiza ekibiina kyonna okugenda naye, okuggyako Peetero ne Yakobo ne Yokaana muganda wa Yakobo.

38 Bwe baatuuka mu nju y’omukulu w’ekkuŋŋaaniro, n’alaba okwaziirana ng’abantu bakaaba nga bakuba ebiwoobe.

39 Bwe yayingira mu nju n’agamba abantu nti, “Mwaziiranira ki n’okukuba ebiwoobe? Omwana tafudde naye yeebase bwebasi!”

40 Awo abantu bonna ne bamusekerera nnyo.

Naye n’abagamba bonna bafulume mu nju. N’atwala abazadde b’omwana n’abayigirizwa be abasatu n’ayingira nabo mu kisenge omwana mwe yali.

41 Yesu n’akwata omwana ku mukono n’amugamba nti, “Talisa kumi!” amakulu nti, “Omuwala golokoka!”

42 Amangwago omuwala eyali aweza emyaka kkumi n’ebiri, n’ayimirira n’atambulatambula. Abaaliwo ne bawuniikirira nnyo.

43 Naye Yesu n’abakuutira nnyo baleme okubuulirako omuntu yenna. Awo n’abalagira bawe omwana ekyokulya.

# 6

### *Nnabbi Tabulwa Kitiibwa Okuggyako Ewaabwe*

1 Yesu n'ava mu kitundu ekyo n'abayigirizwa be n'addayo mu kibuga
ky'ewaabwe.*
2 Olunaku lwa Ssabbiiti bwe lwatuuka n'agenda mu kkuŋŋaaniro
okuyigiriza, abantu bangi abaaliwo ne beewuunya nnyo bwe baawulira
bw'ayigiriza, ne bawuniikirira ne beebuuza nti, "Bino byonna yabiyigira
wa era magezi ga ngeri ki ono ge yaweebwa n'eby'amagero ebyenkanidde
wano by'akola?"
3 Ne beebuuza nti, "Ono si ye mwana w'omubazzi? Maliyamu si ye
nnyina, ne baganda be si be ba Yakobo, ne Yose, ne Yuda ne Simooni? Ne
bannyina tetubeera nabo kuno?" Ekyo ne kibatawanya mu mutima.
4 Yesu n'abagamba nti, "Nnabbi aweebwa ekitiibwa buli wantu okug-
gyako mu nsi y'ewaabwe ne mu bantu be ne mu maka ge waabwe."
5 Naye teyakolerayo byamagero bingi okuggyako abalwadde
abatonotono be yakwatako n'abawonya.
6 N'awuniikirira nnyo okulaba nga tebamukkirizza. Awo n'agenda
ng'ayigiriza mu byalo ebiriraanyeewo.

### *Yesu Atuma Ekkumi n'Ababiri*

7 Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abatuma babiri
babiri era n'abawa obuyinza okugoba emyoyo emibi ku bantu.
8 N'abakuutira obutatwala kantu konna okuggyako omuggo
ogw'okutambuza gwokka nti, "Temutwala mmere wadde akagugu
newaakubadde ensimbi mu lukoba.
9 Mwambale engatto naye temutwala kkanzu yakubiri."
10 N'abagamba nti, "Era buli nnyumba gye munaayingirangamu musu-
langa omwo okutuusa lwe muliva mu kibuga ekyo.
11 Era bwe mutuukanga mu kifo ne batabaaniriza yadde okubawuliriza,
bwe mubanga muvaayo mukunkumuliranga mu kifo omwo enfuufu
ey'omu bigere byammwe, okuba akabonero gye bali."
12 Awo abayigirizwa ne bagenda nga babuulira buli muntu nti, "Mwe-
nenye."
13 Ne bagoba baddayimooni bangi ku bantu, ne basiiga abalwadde
amafuta ne babawonya.
14 Awo Kabaka Kerode n'awulira ettutumu lya Yesu, kubanga yali ayo-
gerwako wonna olw'ebyamagero bye yakolanga. Naye Kerode n'alowooza
nti Yokaana Omubatiza y'azuukidde, kubanga abantu baayogeranga nti,
"Tewali muntu mulala ayinza kukola byamagero nga bino."
15 Naye abalala ne balowooza nti, "Eriya."
N'abalala ne bagamba nti, "Nnabbi ng'omu ku bannabbi ab'edda."
16 Kerode bwe yabiwulira ye n'agamba nti, "Oyo Yokaana, omusajja gwe
natemako omutwe, y'azuukide mu bafu."
17 Kubanga Kerode yennyini ye yatuma abaserikale be ne bakwata
Yokaana Omubatiza ne bamuggalira mu kkomera, olwa Kerudiya muka
muganda we Firipo, Kerode gwe yali awasizza.
18 Yokaana yagamba Kerode nti, "Si kituufu okutwala Kerudiya muka
muganda wo Firipo."
19 Kerudiya n'ayagala okutta Yokaana yeesasuze, naye nga tayinza.

* **6:1** Ekibuga ky'ewaabwe ekyogerwako ky'ekibuga ky'e Nazaaleesi

20 Kubanga Kerode yatyanga Yokaana Omubatiza, ng'amuwa ekitiibwa
ng'omuntu wa Katonda ow'amazima era omutukuvu, era ng'amukuuma.
Era Kerode bwe yayogeranga ne Yokaana ng'emmeeme ye tetereera, so
nga yali ayagala nnyo okuwuliriza by'amugamba.
21 Naye olwali olwo, Kabaka Kerode n'afumba embaga ku lu-
naku lw'amazaalibwa ge, n'ayita abakungu be n'abakulu b'abaserikale
n'abaami bonna abatutumufu mu Ggaliraaya.
22 Awo muwala wa Kerudiya yennyini n'ajja n'azina nnyo, n'asanyusa
Kerode n'abagenyi be yali atudde nabo ku mbaga.
Awo Kabaka Kerode n'agamba omuwala nti, “Nsaba kyonna ky'oyagala
nange nnaakikuwa.”
23 Era n'ayongera okumulayirira nti, “Kyonna kyonna ky'ononsaba
yadde ekitundu ky'obwakabaka bwange nnaakikuwa!”
24 Awo omuwala n'afuluma ne yeebuuza ku nnyina. Nnyina
n'amugamba nti, “Saba omutwe gwa Yokaana Omubatiza!”
25 Omuwala n'addayo mangu eri kabaka n'amusaba nti, “Njagala ompe
kaakano, ku ssowaani, omutwe gwa Yokaana Omubatiza!”
26 Kino ne kinakuwaza nnyo kabaka, n'anyiikaala nnyo, kyokka ol-
wokubanga yali amaze okulayira n'okweyama ng'abagenyi be bawulira,
n'atya okumenya obweyamo bwe.
27 Bw'atyo n'ayita omuserikale we, n'amulagira agende aleete omutwe
gwa Yokaana. Omuserikale n'agenda mu kkomera, n'atemako Yokaana
omutwe,
28 n'aguleeteera ku lutiba, n'aguwa omuwala n'omuwala n'agutwalira
nnyina.
29 Abayigirizwa ba Yokaana bwe baategeera ne bajja ne baggyawo
omulambo gwe, ne bagutwala ne baguziika.

### *Okukomawo kw'Abatume gye baagenda Okubuulira*

30 Awo abatume ne bakomawo awali Yesu ne bamunnyonnyola byonna
bye baakola ne bye baayigiriza.
31 N'abagamba nti, “Mujje tugende mu kifo eteri bantu tuwum-
muleko.” Kubanga baali babuliddwa n'akaseera ak'okuliiramu ku mmere
olw'abantu abangi abajjanga gye bali; bano baabanga baakavaawo ate
ng'abalala bajja.
32 Bwe batyo ne balinnya mu lyato ne bagenda mu kifo ekiwolerevu eteri
bantu.

### *Yesu Aliisa Abantu Enkumi Ettaano*

33 Naye abantu bangi abaava mu bibuga bingi ne babalaba nga bagenda
ne bategeera gye baali bagenda ne badduka okwetooloola ku lukalu ne
babeesookayo.
34 Yesu bwe yava mu lyato n'alaba ekibiina ky'abantu bangi abaali
bakuŋŋaanye n'abasaasira nga bali ng'endiga ezitalina musumba. Awo
n'atandika okubayigiriza ebintu bingi.
35 Awo obudde bwe bwawungeera abayigirizwa ne bajja awali Yesu ne
bamugamba nti, “Ekifo kino kya ddungu ate n'obudde buwungedde.
36 Abantu basiibule bagende beegulire emmere mu byalo ne mu bibuga
ebiriraanye wano.”
37 Naye Yesu n'abaddamu nti, “Mmwe mubawe ekyokulya.” Ne
bamubuuza nti, “Tugende tubagulire emmere nga ya dinaali ebikumi
bibiri, tugibawe balye?”

38 Yesu n'ababuuza nti, "Mulina emigaati emeka? Mugende mulabe."
Bwe baamala okwetegereza ne bamugamba nti, "Waliwo emigaati etaano
n'ebyennyanja bibiri."
39 Awo Yesu n'alagira abantu bonna batuule wansi ku muddo mu bibinja.
40 Awo ne batuula mu bibinja, eby'abantu ataano ataano, awalala kikumi
kikumi.
41 Yesu n'atoola emigaati etaano n'ebyennyanja ebibiri n'ayimusa
amaaso ge eri eggulu ne yeebaza Katonda. N'amenyaamenya emigaati
n'ebyennyanja ebibiri, n'abiwa abayigirizwa be ne bagabula abantu
bonna ne babuna.
42 Bonna ne balya ne bakkuta.
43 Ne bakuŋŋaanya obukunkumuka bw'emigaati n'obw'ebyennyanja
ebisero kkumi na bibiri.
44 Abasajja abaalya emigaati baali enkumi ttaano.

### *Yesu Atambulira ku Mazzi*

45 Amangwago Yesu n'alagira abayigirizwa be basaabale mu lyato
bawunguke bagende emitala w'ennyanja e Besusayida abasange eyo,
ng'amaze okusiibula ebibiina by'abantu.
46 Bwe yamala okubasiibula n'alinnya ku lusozi okusaba.
47 Awo obudde bwe bwawungeera, Yesu ng'asigadde yekka ku lukalu,
48 n'abalengera nga bategana n'eryato kubanga waaliwo omuyaga
mungi n'amayengo amagulumivu ebyabafuluma mu maaso gye baali
balaga. Awo obudde bwali bunaatera okukya nga ku ssaawa mwenda
ez'ekiro, n'ajja gye bali ng'atambulira ku mazzi, n'aba ng'ayagala
okubayitako.
49 Naye bwe baamulaba ng'atambulira ku nnyanja ne baleekaana nnyo,
bonna, nga batidde, kubanga baalowooza nti muzimu,
50 kubanga bonna baamulaba ne batya.
Naye n'ayanguwa okwogera nabo, n'abagamba nti, "Mugume omwoyo.
Ye Nze, temutya."
51 Awo n'alinnya mu lyato, omuyaga ne gulekeraawo okukunta! Abayi-
girizwa be ne bawuniikirira nnyo.
52 Tebategeera kyamagero eky'emigaati kubanga emitima gyabwe gyali
mikakanyavu.

### *Yesu Awonya Abalwadde e Genesaleeti*

53 Awo eryato lyabwe bwe lyagoba ku lubalama lw'ennyanja Gene-
saleeti,
54 ne bavaamu. Abantu bwe balaba Yesu, amangwago ne bamutegeer-
erawo.
55 Ne babuna mu bitundu ebyali biriraanyeewo nga bamuleetera
abalwadde nga basituliddwa ku butanda.
56 Wonna wonna gye yagendanga, mu byalo, mu bibuga, mu butale ne
ku nguudo ne baleeta abalwadde ne bamwegayirira waakiri bakwateko
bukwasi ku lukugiro lw'ekyambalo kye. Era bonna abaakikwatako ne
bawona.

## 7

### *Obulombolombo bw'Abayudaaya*

1 Awo abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka abamu abaali bavudde
e Yerusaalemi ne bakuŋŋaanira awali Yesu.
2 Ne balaba abamu ku bayigirizwa be nga balya tebanaabye mu ngalo.

3 Kubanga Abafalisaayo n'Abayudaaya bonna tebaalyanga nga tebasoose
kunaaba mu ngalo n'obwegendereza ng'empisa zaabwe bwe zaali.
4 Era bwe baddanga eka nga bava mu katale, ekyo kye baa-
sookanga okukola nga tebannaba kukwata ku kyakulya kyonna. Waliwo n'obulombolombo obulala bwe baagobereranga ng'okulongoosa ensuwa zaabwe, n'ebikopo, n'ebbinika n'essowaani, n'ebirala bingi.
5 Awo Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka ne babuuza Yesu nti, "Lwaki abayigirizwa bo tebagoberera mpisa za bajjajjaffe ez'edda? Kubanga balya nga tebanaabye mu ngalo."
6 Yesu n'abaddamu nti, "Bannanfuusi mmwe! Nnabbi Isaaya yabooger-
ako bulungi ebyobunnabbi bwe yagamba nti,
" 'Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa,
naye emitima gyabwe tegindiiko.
7 Okusinza kwabwe tekuliimu nsa;
kubanga bayigiriza bulombolombo bwabwe.'
8 Muleka ebiragiro ebiva eri Katonda ne mugoberera obulombolombo bw'abantu."
9 N'abagamba nate nti, "Munyooma ekiragiro kya Katonda, ne muggu-
miza obulombolombo bwammwe.
10 Musa yagamba nti, 'Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa.' Era n'agamba nti, 'Omuntu yenna ayogera obubi ku kitaawe oba nnyina anattibwanga.'
11 Naye mmwe mugamba nti kituufu omuntu okulagajjalira bakadde be nga bali mu kwetaaga n'abagamba bugambi nti, 'Mmunsonyiwe, kubanga kye nandibawadde ye Korubaani*.' "
12 "Omuntu temumukkiriza kubeerako ky'akolera kitaawe oba nnyina.
13 Bwe mutyo munyooma ekigambo kya Katonda mulyoke mutuukirize obulombolombo bwammwe bwe mwaweebwa. N'ebirala bingi ebiri ng'ebyo bye mukola."

### *Ebyonoona Omuntu*

14 Awo Yesu n'ayita ekibiina ky'abantu n'abagamba nti, "Mmwe mwenna, mumpulirize, era mutegeere.
15 Ebintu ebiyingira mu muntu si bye byonoona empisa ze, wabula ebyo ebiva mu mutima gwe bye bizoonoona.
16 (Omuntu alina amatu agawulira awulirize.)"
17 Yesu n'aviira ekibiina n'ayingira mu nnyumba, abayigirizwa be ne bamubuuza amakulu g'ebigambo bye yayogera.
18 N'abaddamu nti, "Nammwe temutegedde? Temutegeera nti buli kintu ekiyingira mu muntu si kye kimwonoona?
19 Olw'okuba nga tekiyingira mu mutima gwe naye kiyingira mu lubuto lwe ne kiryoka kigenda mu kabuyonjo." Mu kwogera atyo Yesu yakakasa nga buli kyakulya bwe kiri ekirongoofu.
20 Era n'ayongerako na bino nti, "Ebirowoozo by'omuntu bye bim-
wonoona.
21 Kubanga mu mutima gw'omuntu mwe muva ebirowoozo ebibi eby'obukaba, n'obubbi, n'obutemu, n'obwenzi,

---

* **7:11** Korubaani kitegeeza ekintu ekyawuddwako okuweebwa Katonda. Korubaani kyakozesebwanga mu mateeka ga Musa okukubiriza abaana okufaayo ku bazadde baabwe, ate n'abayigiriza b'amateeka baakozesanga ekirayiro kya Korubaani okufuga abagoberezi baabwe

22 n'okwegomba, n'omutima omubi, n'obukuusa, n'obumenyi
bw'amateeka, n'obuggya, n'okusekeeterera, n'obusirusiru.
23 Ebibi bino byonna biva munda mu muntu ne bimwonoona."

*Okukkiriza kw'Omukazi Omusulofoyiniiki*

24 Awo Yesu n'alaga mu bitundu by'e Ttuulo, n'atayagala kitegeerekeke
nti ali mu bitundu ebyo, naye ne kitasoboka.
25 Omukazi eyalina muwala we ng'aliko omwoyo omubi, olwawulira nga
Yesu yaakatuuka, n'ajja eri Yesu, n'agwa ku bigere bye.
26 Omukazi teyali Muyudaaya, yali Musulofoyiniiki, n'amwegayirira
agobe dayimooni ku mwana we.
27 Yesu n'agamba omukazi nti, "Omwana asaana asoke akkute, kubanga
tekiba kituufu okuddira emmere y'omwana okugisuulira embwa."
28 Naye omukazi n'amuddamu nti, "Ekyo bwe kiri, ssebo, naye era
n'embwa ezibeera wansi mu mmeeza, ziweebwa ku bukunkumuka obuva
ku ssowaani z'abaana."
29 Yesu n'amugamba nti, "Olw'ekigambo ekyo, weddireyo eka, kubanga
dayimooni avudde ku muwala wo."
30 Omukazi bwe yaddayo eka yasanga muwala we agalamidde awo ku
kitanda, nga muteefu era nga dayimooni amuvuddeko.
31 Yesu bwe yava mu Ttuulo n'agenda e Sidoni, eyo gye yava n'addayo
ku nnyanja ey'e Ggaliraaya ng'ayitira mu "Bibuga Ekkumi" (Dekapoli).
32 Awo ne bamuleetera omusajja omuggavu w'amatu ate nga tayogera,
abantu bonna ne beegayirira Yesu amusseeko emikono gye amuwonye.
33 Yesu n'aggya omusajja mu bantu n'amulaza wabbali, n'assa engalo
ze mu matu g'omusajja; n'awanda amalusu, n'agasiiga n'olunwe lwe ku
lulimi lw'omusajja.
34 Awo Yesu n'atunula waggulu n'assa ekikkowe, n'alyoka alagira
omusajja nti, "Efasa!" ekitegeeza nti, "Gguka."
35 Amangwago amatu g'omusajja ne gagguka n'awulira buli kintu era
n'ayogera bulungi!
36 Yesu n'akuutira ekibiina baleme kutegeezaako balala ku bigambo
ebyo okubisaasaanya, naye bo ne beeyongera okutegeeza.
37 Kye yakola kyali kibayitiriddeko. Ne boogera nga batenda Yesu nti,
"Buli ky'akola kya kyewuunyo, aggula n'amatu ga bakiggala n'ayogeza ne
bakasiru!"

# 8

*Yesu Aliisa Abantu Enkumi Ennya*

1 Mu biseera ebyo, ebibiina ne byeyongera obunene nate, abantu
emmere n'ebaggwaako. Yesu n'ayita abayigirizwa be n'abagamba nti,
2 "Abantu bano bankwasa ekisa, kubanga baakamala nange ennaku
ssatu, naye tebalina kyakulya.
3 Singa mbasiibula baddeyo ewaabwe nga tebalidde, enjala ejja kubasu-
ula ku kkubo! Ate abamu bava wala."
4 Abayigirizwa ne bamubuuza nti, "Emigaati tunaagiggya wa wano mu
ddungu eginaamala abantu bano bonna?"
5 Yesu n'ababuuza nti, "Mulinawo emigaati emeka?" Ne baddamu nti,
"Musanvu."
6 Awo Yesu n'alagira abantu batuule wansi. N'addira emigaati omu-
sanvu, ne yeebaza Katonda, n'agimenyaamenyamu, n'agiwa abayigirizwa
be ne bagitwalira ekibiina ne babagabula.

[7] Era baalina wo n’ebyennyanja bitono, nabyo Yesu n’abiwa omukisa
n’agamba abayigirizwa be babigabule abantu.
[8] Abantu bonna ne balya okutuusa lwe bakkuta, ne bakuŋŋaanya
ebyabalema ebisero musanvu ebijjudde.
[9] Mu kibiina ekyo mwalimu abantu ng’enkumi nnya. N’abasiibula.
[10] Amangwago n’asaabala mu lyato n’abayigirizwa be n’ajja mu kitundu
eky’e Dalumanusa.

### *Abafalisaayo Basaba Yesu Akabonero Akava mu Ggulu*

[11] Abafalisaayo ne bajja gy’ali ne batandika okuwakana naye nga
banoonya akabonero akava mu ggulu nga bamugezesa.
[12] Yesu n’assa ekikkowe, n’abagamba nti, “Lwaki omulembe guno
gunoonya akabonero? Ddala ddala mbagamba nti, Tewali kabonero kajja
kuweebwa mulembe guno.”
[13] N’abaviira n’asaabala mu lyato n’alaga ku ludda olulala olw’ennyanja.

### *Ekizimbulukusa ky’Abafalisaayo n’ekya Kerode*

[14] Abayigirizwa beerabira okutwala emigaati egiwera; baalina omugaati
gumu gwokka mu lyato.
[15] Yesu n’abakuutira nti, “Mwekuume ekizimbulukusa eky’Abafalisaayo
n’ekizimbulukusa ekya Kerode.”
[16] Ne boogeraganya bokka ne bokka nti tebalina migaati.
[17] Yesu bwe yakimanya n’abagamba nti, “Lwaki mugambagana nti
temulina migaati? Era temunnategeera? Emitima gyammwe gikyali
mikakanyavu?
[18] Lwaki temulaba, ate nga mulina amaaso? Lwaki temuwulira ate nga
mulina amatu? Temujjukira?
[19] Mwerabidde emigaati etaano gye namenyamenyamu okuliisa abantu
enkumi ettaano? Ebisero byali bimeka eby’obukunkumuka bye
mwakuŋŋaanya?”
Ne baddamu nti, “Kkumi na bibiri.”
[20] N’ababuuza nti, “Ate abantu bwe baali enkumi ennya n’emigaati
omusanvu, mwakuŋŋaanya ebisero by’obutundutundu bwe baalemwa
bimeka?”
Ne baddamu nti, “Musanvu.”
[21] N’abagamba nti, “Era temunnategeera?”

### *Yesu Awonya Omuzibe w’Amaaso mu Besusayida*

[22] Awo bwe baatuuka mu Besusayida, ne wabaawo abantu abaa-
muleetera omusajja omuzibe w’amaaso, ne bamwegayirira amukwateko.
[23] Yesu n’akwata omuzibe w’amaaso ku mukono n’amufulumya ebweru
w’akabuga ako. N’awanda amalusu ku maaso g’omusajja n’agakwatako,
n’amubuuza nti, “Kaakano waliwo ky’olaba?”
[24] Omusajja n’amagamaga, n’addamu nti, “Yee! Ndaba abantu kyokka
balabika ng’emiti egitambula.”
[25] Yesu n’ayongera okukwata ku maaso g’omusajja, omusajja n’azibuka
amaaso n’awonera ddala buli kintu n’akiraba bulungi.
[26] Yesu n’amutuma mu maka g’ewaabwe ng’amugamba nti, “Toddayo
mu kyalo.”

### *Peetero Ayatula Kristo*

[27] Awo Yesu n’abayigirizwa be, ne bagenda mu bubuga obw’e Kayisaliya
ekya Firipo. Naye bwe baali batambula, Yesu n’ababuuza nti, “Abantu
bampita ani?”

28 Abayigirizwa be ne bamuddamu nti, “Yokaana Omubatiza, abalala
Eriya, naye abalala nti omu ku bannabbi.”
29 Kwe kubabuuza nti, “Naye mmwe mumpita ani?” Peetero n’addamu
nti, “Ggwe Kristo.”
30 Naye Yesu n’abakuutira baleme okukibuulirako omuntu yenna!

### *Yesu Alanga Okufa kwe n’Okuzuukira kwe*

31 Awo Yesu n’atandika okubabuulira nti, “Kigwanidde Omwana
w’Omuntu okubonaabona ennyo, n’okugaanibwa abakadde, ne bakabona
abakulu n’abannyonnyozi b’amateeka, n’okuttibwa, n’oluvannyuma
lw’ennaku ssatu okuzuukira.”
32 Yayogera nabo ku nsonga zino zonna mu lwatu, Peetero kyeyava
amuzza wabbali n’atandika okumunenya.
33 Yesu n’akyuka n’atunuulira abayigirizwa be, n’alyoka anenya Peetero
nti, “Setaani dda ennyuma wange, kubanga tolowooza ku bya Katonda
wabula olowooza ku by’abantu.”
34 Awo Yesu n’ayita ekibiina wamu n’abayigirizwa be, n’abagamba nti,
“Obanga waliwo omuntu ayagala okungoberera, asaanidde okwefiiriza
asitule omusaalaba gwe alyoke angoberere.
35 Kubanga buli eyeemalira ku bulamu bwe, alibufiirwa. Naye oyo
awaayo obulamu bwe ku lwange ne ku lw’Enjiri alibuwonya.
36 Kale omuntu agasibwa ki singa alya ensi yonna, naye n’afiirwa
obulamu bwe?
37 Omuntu ayinza kuweebwa ki, akiwanyise olw’obulamu bwe?
38 Era buli muntu yenna ankwatirwa ensonyi, n’ebigambo byange ne
bimukwasa ensonyi mu mulembe guno ogutali mwesigwa era ogujjudde
ebibi, Omwana w’Omuntu alimukwatirwa ensonyi bw’alijja mu kitiibwa
kya Kitaawe ne bamalayika abatukuvu.”

# 9

### *Okufuusibwa kwa Yesu*

1 Awo Yesu n’abagamba nti, “Ddala ddala mbagamba nti, Abamu ku
bantu abali wano tebalifa okuggyako nga bamaze okulaba obwakabaka
bwa Katonda nga bujja n’amaanyi.”
2 Bwe waayitawo ennaku mukaaga Yesu n’atwala Peetero ne Yakobo ne
Yokaana n’abakulembera ne bagenda ku ntikko y’olusozi oluwanvu ne
babeera eyo bokka. Amangwago n’afuusibwa nga balaba,
3 ebyambalo bye ne byeruka nnyo, nga tewali muntu ku nsi asobola
kubyoza kubituusa awo!
4 Awo Eriya ne Musa ne babalabikira ne batandika okwogera ne Yesu!
5 Peetero n’agamba Yesu nti, “Labbi, kirungi tubeere wano, tubazimbire
ensiisira ssatu, emu nga yiyo, n’endala nga ya Musa, n’endala nga ya
Eriya.”
6 Yayogera atyo olw’okutya okungi okwabajjira.
7 Awo ne walabika ekire, ne kibasaanikira ne muvaamu eddoboozi ne
ligamba nti, “Ono ye Mwana wange omwagalwa. Mumuwulirirenga.”
8 Amangwago okugenda okukyusa amaaso gaabwe nga tewali muntu
mulala okuggyako Yesu eyaliwo yekka nabo.
9 Bwe baali baserengeta olusozi, Yesu n’abakuutira ekyo kye balabye
obutakyogerangako okutuusa ng’Omwana w’Omuntu amaze okuzuukira
mu bafu.

10 Bwe batyo nabo ne bakikuuma nga kya kyama, naye ne beebuuza-
ganya ku by'okufa n'okuzuukira kwe.
11 Awo ne bamubuuza nti, "Lwaki abannyonnyozi b'amateeka bagamba
nti Eriya asaanira asooke okujja."
12 Yesu n'abagamba nti, "Weewaawo Eriya y'ateekwa okusooka okujja
alongoose ebintu byonna. Lwaki kyawandiikibwa ku Mwana w'Omuntu
nti ateekwa okubonaabona ennyo n'okunyoomebwa?
13 Naye mbagamba nti, Ddala ddala Eriya yajja! Naye yayisibwa bubi
nnyo, nga bwe baayagala, nga bwe kyawandiikibwa ku ye."

### *Yesu Awonya Omulenzi Eyaliko Dayimooni*

14 Yesu n'abayigirizwa bali abasatu bwe bakka eri bannaabwe okuva
ku lusozi, ne basanga ekibiina kinene nga kyetoolodde bannaabwe,
abannyonnyozi b'amateeka nga bawakana nabo.
15 Amangwago ekibiina kyonna bwe kyamulaba, ne badduka ne bagenda
gy'ali ne bamwaniriza.
16 Yesu n'ababuuza nti, "Kiki kye muwakana nabo?"
17 Omu ku basajja abaali mu kibiina ne yeesowolayo n'agamba nti,
"Omuyigiriza, naleese wano omwana wange omuwonye. Tayinza kwogera
aliko omwwoyo omubi.
18 Era buli lwe gumulumba gumusuula wansi, n'abimba ejjovu ku
mimwa n'aluma amannyo, olwo yenna n'akakanyala. Nsabye abayigi-
rizwa bo bagumugobeko, naye ne balemwa."
19 Yesu n'agamba nti, "Mmwe, omulembe ogutakkiriza ndituusa ddi
okubeera nammwe? Mbagumiikirize kutuusa ddi? Mumundeetere wano."
20 Ne bamumuleetera. Omwoyo bwe gwamulaba ne gusikambula
omulenzi, ne gumusuula wansi, nga bwe yeevulungula nga bw'abimba
n'ejjovu ku mimwa.
21 Yesu n'abuuza kitaawe w'omwana nti, "Kino kimaze bbanga ki?"
Kitaawe n'addamu nti, "Okuviira ddala mu buto.
22 Oluusi gumusuula mu muliro oluusi mu mazzi nga gwagala okumutta.
Obanga olina ky'osobola okutukolera, tusaasire."
23 Yesu n'amuddamu nti, "Obanga osobola! Buli kimu kisoboka eri oyo
akkiriza."
24 Amangwago Kitaawe w'omwana n'ayogerera waggulu nti, "Nzikiriza,
naye nnyamba okukkiriza kwange kweyogereko!"
25 Yesu bwe yalaba ng'ekibiina kyeyongera obunene, n'aboggolera day-
imooni nti, "Ggwe omwoyo omubi ogutayogera era omuggavu gw'amatu
nkulagira muveeko, era tomuddiranga."
26 Awo omwoyo ne guwowoggana nnyo, ne gumusikambula nnyo, ne
gumuvaako n'aba ng'afudde, bangi ne balowooza nti afudde.
27 Naye Yesu n'amukwata ku mukono n'amuyimiriza.
28 Awo Yesu bwe yayingira mu nnyumba abayigirizwa be, ne bamubuuza
mu kyama nti, "Lwaki ffe tetwasobodde kumugoba?"
29 N'addamu nti, "Ogw'engeri eno teguyinza kugenda awatali kusaba."*
30 Bwe baava mu bitundu ebyo ne bayita mu Ggaliraaya. Yesu yali
tayagala muntu yenna kumanya.
31 Kubanga yali ayigiriza abayigirizwa ng'abagamba nti, "Omwana
w'Omuntu, ajja kuliibwamu olukwe era ajja kuweebwayo mu mikono
gy'abantu abalimutta era nga wayise ennaku ssatu alizuukira."

---

* **9:29** mu biwandiiko ebimu kigamba kusaba na kusiiba

32 Wabula tebaategeera bye yayogera ate ne batya okumubuuza.
33 Awo ne batuuka e Kaperunawumu. Bwe baali mu nnyumba,
n'ababuuza nti, "Mubadde muwakana ku ki mu kkubo?"
34 Naye ne basirika kubanga mu kkubo baawakanira asinga ekitiibwa
mu bo!
35 Awo bwe yatuula n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abagamba nti, "Omuntu
yenna bw'ayagala okuba oweekitiibwa okusinga banne, asaana yee-
toowaze era abe omuweereza w'abalala."
36 N'addira omwana omuto n'amussa wakati waabwe, n'amusitula mu
mikono gye n'abagamba nti,
37 "Buli asembeza omwana omuto ng'ono mu linnya lyange, aba
asembezezza nze. N'oyo asembeza nze aba tasembezezza nze nzekka,
wabula aba asembezezza n'oyo eyantuma."
38 Yokaana n'amugamba nti, "Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba
baddayimooni mu linnya lyo, ne tumuziyiza kubanga tayita naffe."
39 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Temumuziyizanga, kubanga tewali
muntu n'omu akola ebikolwa eby'amaanyi mu linnya lyange ate amang-
wago n'anjogerako bibi.
40 Kubanga buli atatuvuganya aba akolera wamu naffe.
41 Buli abawa eggiraasi y'amazzi okunywako mu linnya lyange kubanga
muli bantu ba Kristo, ddala ddala mbagamba nti talirema kuweebwa
mpeera."

### *Okwesittaza Abato*

42 "Na buli alyesittaza omu ku bato bano abanzikiriza, ekyandisinze,
kwe kumusiba ejjinja ery'olubengo olunene, n'asuulibwa mu nnyanja.
43 Obanga omukono gwo gukwesittaza, gutemeko! Kisinga okuyingira
mu bulamu ng'ogongobadde okusinga okuba n'emikono ebiri n'olaga mu
ggeyeena,
44 mu muliro ogutazikira.
45 Era obanga ekigere kyo kikwesittaza, kitemeko; okuba omulema
n'oyingira mu bulamu kisinga okuba n'ebigere ebibiri n'osuulibwa mu
ggeyeena
46 envunyu gye zitafa mu muliro ogutazikira.
47 Era obanga eriiso lyo likwesittaza, liggyeemu! Kisinga okuyingira mu
bwakabaka bwa Katonda ng'oli wa liiso limu okusinga okubeera n'amaaso
go gombi,
48 n'osuulibwa mu ggeyeena,
"envunyu gye zitafa
n'omuliro gye gutazikira.
49 Buli muntu aliyisibwa mu muliro, ng'emmere bwerungibwamu
omunnyo."
50 "Omunnyo mulungi, naye bwe guggwaamu ensa, guzzibwamu gutya
obuka bwagwo? Noolwekyo mube n'omunnyo mu mmwe era mubeerenga
n'emirembe buli muntu ne munne."

## 10

### *Enteekateeka ya Katonda ku Bufumbo*

1 Awo n'agolokoka n'ava eyo n'alaga mu kitundu kya Buyudaaya
okusukka emitala wa Yoludaani. Ebibiina ne bimuguberera era naye
n'abayigiriza nga bwe yakolanga bulijjo.

2 Abamu ku Bafalisaayo ne bajja ne bamubuuza balyoke bamukwase, nga babuuza nti, “Kikkirizibwa omusajja okugoba mukazi we?”
3 Yesu n’addamu nti, “Musa yagamba atya ku nsonga eyo?”
4 Ne bamuddamu nti, “Musa yawa omusajja olukusa okuwandiikira mukyala we ebbaluwa emugoba.”
5 Yesu n’abagamba nti, “Olw’obukakanyavu bw’emitima gyammwe, kyeyava abawandiikira etteeka lino.
6 Naye okuva ku lubereberye yabatonda omusajja n’omukazi.
7 Omusajja ky’anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, n’agenda n’agattibwa ne mukazi we.
8 Olwo nga tebakyali babiri, wabula nga bafuuse omubiri gumu.
9 Noolwekyo Katonda be yagatta awamu, omuntu tabaawukanyanga.”
10 Bwe baali mu nnyumba, abayigirizwa be, ne bongera okumubuuza ku nsonga eyo.
11 Yesu n’abagamba nti, “Omusajja bw’agobanga mukazi we n’awasa omukazi omulala, aba ayenze.
12 N’omukazi bw’ayawukananga ne bba n’afumbirwa omusajja omulala naye aba ayenze.”

### *Yesu Awa Abaana Omukisa*

13 Awo Yesu ne bamuleetera abaana abato abakwateko, naye abayigi-
rizwa be ne bajunga abaabaleeta.
14 Kyokka Yesu bwe yabiraba n’anyiigira nnyo abayigirizwa be,
n’abagamba nti, “Abaana mubaleke bajje gye ndi, temubagaana kubanga abali nga bano, be bannannyini bwakabaka bwa Katonda.
15 Ddala ddala mbagamba nti omuntu yenna atakkiriza bwakabaka bwa Katonda ng’omwana omuto, tagenda kubuyingira n’akatono.”
16 Awo n’asitula abaana n’abassaako emikono gye, n’abawa omukisa.
17 Awo Yesu bwe yali ng’atambula, omusajja n’ajja gy’ali ng’adduka, n’amufukaamirira n’amubuuza nti, “Omuyigiriza omulungi, nsaanidde kukola ki okufuna obulamu obutaggwaawo?”
18 Yesu n’amuddamu nti, “Ompitira ki omulungi? Tewali mulungi n’omu wabula Katonda yekka.
19 Amateeka gano ogamanyi. ‘Tottanga, toyendanga, tobbanga, towaayi-
rizanga, kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa.’ ”
20 N’amuddamu nti, “Omuyigiriza, ebyo byonna simenyangako na kimu okuva mu buvubuka bwange.”
21 Yesu n’amutunuulira enkaliriza, n’amwagala. N’amugamba nti, “Waliwo ekintu kimu kyokka ekikubulako, era kye kino: genda otunde ebintu byonna by’olina, ensimbi z’onoggyamu ozigabire abaavu, oliba n’obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere.”
22 Bwe yawulira ebigambo ebyo n’anyiikaala, n’agenda ng’anakuwadde, kubanga yali mugagga nnyo.
23 Yesu n’amutunuulira ng’agenda, n’alyoka akyukira abayigirizwa be, n’abagamba nti, “Nga kizibu nnyo abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!”
24 Kino ne kibeewuunyisa nnyo. Yesu n’ayongera n’abagamba nti, “Abaana abaagalwa, nga kizibu abo abeesiga obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!
25 Kyangu eŋŋamira okuyita mu nnyindo y’empiso okusinga omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.”

26 Ne beewuunya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, “Olwo kale ani
ayinza okulokolebwa!”
27 Yesu n’abatunuulira enkaliriza n’abaddamu nti, “Eri abantu tekiy-
inzika. Naye eri Katonda, buli kintu kyonna kisoboka.”
28 Awo Peetero n’agamba Yesu nti, “Tweresa byonna ne tukugoberera.”
29 Yesu n’amuddamu nti, “Njagala okubakakasiza ddala nti, Tewali
muntu n’omu eyali yeeresezza ekintu kyonna, ng’amaka, aboolu-
ganda, bannyina, nnyina, kitaawe, abaana be, oba ettaka n’amayumba
olw’okunjagala n’okubuulira Enjiri,
30 ataliddizibwawo emirundi kikumi mu mulembe guno amaka, aboolu-
ganda, bannyina, nnyina, abaana, ettaka awamu n’okuyigganyizibwa!
Ebyo byonna biriba bibye ku nsi kuno, ate ne mu nsi egenda okujja
afunemu obulamu obutaliggwaawo.
31 Naye bangi aboolubereberye baliba abooluvannyuma,
n’ab’oluvannyuma baliba aboolubereberye.”

### *Yesu Ayongera Okwogera ku Kufa kwe*

32 Awo bwe baali nga bali mu kkubo, nga bagenda e Yerusaalemi,
Yesu ng’akulembeddemu, abayigirizwa be ne bamuvaako emabega nga
bamugoberera naye nga bajjudde okutya n’okweraliikirira. Yesu n’abazza
wa bbali, n’abannyonnyola byonna ebyali bijja okumutuukako nga
batuuse mu Yerusaalemi.
33 N’ababuulira nti, “Bwe tunaatuuka eyo, Omwana w’Omuntu ali-
weebwayo, atwalibwe mu maaso ga bakabona abakulu n’abannyonnyozi
b’amateeka. Bajja kumusalira omusango ogw’okufa era balimuwaayo eri
Abamawanga bamusalire ekibonerezo eky’okufa.
34 Bajja kumuduulira bamuwandire n’amalusu bamukube embooko era
bamutte, naye nga wayiseewo ennaku ssatu alizuukira.”

### *Okusaba kwa Yakobo ne Yokaana*

35 Awo Yakobo ne Yokaana, batabani ba Zebbedaayo ne bajja eri Yesu
ne boogera naye mpola mu kyama nti. “Omuyigiriza, waliwo ekintu kye
tukusaba otukolere.”
36 N’ababuuza nti, “Kiki ekyo?”
37 Ne bamuddamu nti, “Tusaba mu bwakabaka bwo tutuule ku ntebe
eziriraanye eyiyo, omu atuule ku mukono gwo ogwa ddyo n’omulala ku
gwa kkono?”
38 Naye Yesu n’abaddamu nti, “Kye musaba temukitegeera! Musobola
okunywa ku kikompe eky’okubonaabona kye ŋŋenda okunywako? Oba
okubatizibwa mu kubonaabona nga bwe ŋŋenda okubatizibwa?”
39 Ne bamuddamu nti, “Tusobola.” Yesu n’abagamba nti, “Okunywa
ku kikompe kyange mugenda kukinywako era mulibatizibwa ne mu
kubatizibwa kwange.
40 Naye sirina buyinza kubatuuza ku ntebe eziriraanye eyange. Enteeka-
teeka eyo yamala dda okukolebwa.”
41 Abayigirizwa bali ekkumi bwe baategeera Yakobo ne Yokaana kye
baasaba, ne babanyiigira nnyo.
42 Yesu n’abayita n’abagamba nti, “Mumanyi ng’abakulembeze
b’abamawanga, n’abakulu baabwe bakuluusanya abantu,
43 naye mu mmwe si bwe kiri bwe kityo. Yenna ayagala okuba
omukulembeze mu mmwe, asaanira abeerenga muweereza wa banne.
44 Ne buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa
banne bonna.

45 N'Omwana w'Omuntu, teyajja ku nsi kuweerezebwa, wabula
okuweereza abalala, era n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango oku-
nunula abangi."

### *Yesu Azibula Battimaayo Amaaso*

46 Awo Yesu n'abayigirizwa be ne batuuka mu Yeriko. Oluvannyuma
bwe baali bava mu kibuga ekibiina kinene ne kibagoberera. Waaliwo
omusajja omuzibe w'amaaso, erinnya lye Battimaayo (mutabani wa
Timaayo) eyasabirizanga, eyali atudde ku mabbali g'oluguudo.
47 Awo Battimaayo bwe yategeera nga Yesu Omunnazaaleesi ajja
okuyita we yali, n'atandika okuleekaana nti, "Yesu, Omwana wa Dawudi,
onsaasire!"
48 Abamu ku bantu abaali mu kibiina ne bamuboggolera nti, "Sirika!
Totuleekaanira!" Naye ye ne yeeyongera bweyongezi okukoowoola
ng'addiŋŋana nti, "Ayi Omwana wa Dawudi, onsaasire!"
49 Yesu n'ayimirira n'ayogera nti, "Mumuyite." Ne bayita omuzibe
w'amaaso nti, "Guma omwoyo, situka akuyita!"
50 Battimaayo n'asuula eri ekikooti kye, n'asituka mangu n'ajja eri Yesu.
51 Yesu n'amubuuza nti, "Oyagala nkukolere ki?" Omuzibe w'amaaso
n'addamu nti, "Ayi Omuyigiriza, njagala nsobole okulaba!"
52 Awo Yesu n'amugamba nti, "Ggenda, okukkiriza kwo kukuwonyezza."
Amangwago omusajja n'azibuka amaaso, n'agoberera Yesu.

## 11

### *Yesu Ayingira mu Yerusaalemi n'Ekitiibwa*

1 Awo Yesu n'abayigirizwa be, bwe baali basemberedde Besufaage ne
Besaniya ebiriraanye Yerusaalemi, nga batuuse ku lusozi olwa Zeyituuni,
Yesu n'atuma abayigirizwa be babiri babasooke mu maaso.
2 N'abalagira nti, "Mugende mu kyalo ekituli mu maaso, bwe munaaba
mwakakituukamu mujja kulaba omwana gw'endogoyi oguteebagalwan-
gako nga gusibiddwa awo. Mugusumulule mugundeetere wano.
3 Era omuntu yenna bw'ababuuza gye mugutwala, mumuddamu nti,
'Mukama waffe y'agwetaaga, era tujja kugukomyawo mangu.' "
4 Abaatumibwa ne bagenda, ne balaba omwana gw'endogoyi nga
guyimiridde ku luguudo, naye nga gusibiddwa ku muguwa wabweru
w'ennyumba. Bwe baali bagusumulula,
5 abamu ku bantu abaali bayimiridde awo ne bababuuza nti, "Abange,
omwana gw'endogoyi, musumulula gwa ki?"
6 Abayigirizwa ne baddamu nga Yesu bwe yabagamba, ne balyoka
babakkiriza okugutwala.
7 Omwana gw'endogoyi ne baguleetera Yesu. Abayigirizwa be ne
baddira ebyambalo byabwe ne babyaliira ku mugongo gwayo, Yesu
n'agwebagala.
8 Awo abantu bangi abaali mu kibiina ne baaliira engoye zaabwe mu
luguudo mwe yali agenda okuyita, abalala ne bamenya amatabi g'emiti
mu nnimiro ezaali okumpi, nago ne bagaalira mu luguudo.
9 Abaali mu maaso ge n'abaali emabega we, bonna ne baleekaanira
waggulu nti:
"Ozaana!"

“Atenderezebwe oyo ajja mu linnya lya Mukama!*”

10 “Atenderezebwe olw’okukomyawo obwakabaka bwa jjajjaffe Dawudi n’okubuwa omukisa!”
“Ozaana! Ayi ali waggulu ennyo!”
11 Awo Yesu n’atuuka mu Yerusaalemi, n’ayingira mu Yeekaalu.
N’atunula, ne yeetoolooza amaaso wonna, naye obudde bwali buyise,
n’afuluma n’agenda e Besaniya n’abayigirizwa be ekkumi n’ababiri.

### *Yesu Akolimira Omuti Ogutabala*

12 Enkeera bwe baali bava e Besaniya, Yesu n’alumwa enjala.
13 N’alengera omutiini, nga guddugazza bulungi amalagala, n’agendayo
alabe obanga anaasangako ebibala. Yagenda okugutuukako nga kuliko
makoola meereere, kubanga si kye kyali ekiseera kyagwo okubaako
ebibala.
14 Awo Yesu n’agamba omuti nti, “Omuntu yenna alemenga okuddayo
okulya ekibala kyo!” Abayigirizwa be ne bamuwulira ng’akyogera.

### *Yesu Alongoosa Yeekaalu*

15 Bwe baatuuka mu Yerusaalemi n’ayingira mu Yeekaalu, n’atandika
okugobamu abaali batundiramu n’abaali baguliramu, n’avuunika em-
meeza z’abaali bawaanyisa ensimbi, n’avuunika n’entebe z’abatunzi
b’amayiba.
16 Era n’ataganya muntu kuyisa kintu kyonna.
17 N’abayigiriza ng’agamba nti, “Tekyawandiikabwa nti, ‘Ennyumba
yange eneebanga nnyumba ya kusabiramu amawanga?’ Naye mmwe
mugifudde mpuku y’abanyazi.”
18 Bakabona abakulu n’abannyonnyozi b’amateeka bwe baakiwulira,
ne batandika okusala amagezi balabe bwe bayinza okumuzikiriza. Baali
bamutya engeri ekibiina kyonna bwe kyali kyewuunya okuyigiriza kwe.
19 Obudde bwe bwawungeera Yesu n’abayigirizwa be ne bafuluma mu
kibuga.†

### *Eky’okuyiga ku Mutiini Ogwakala*

20 Awo enkeera mu makya abayigirizwa be ne balaba omuti omutiini
Yesu gwe yakolimira nga gukaze okuviira ddala ku kikolo!
21 Peetero n’ajjukira n’agamba Yesu nti, “Omuyigiriza, laba omutiini gwe
wakolimira gukaze!”
22 Yesu n’agamba abayigirizwa be nti, “Mukkiririze mu Katonda.
23 Ddala ddala mbagamba nti buli aligamba olusozi luno nti, ‘Siguka
ogwe mu nnyanja,’ n’atabuusabuusa mu mutima gwe, naye n’aba
n’okukkiriza, ky’ayogedde kirituukirira.
24 Noolwekyo mbagamba nti buli kye munaasabanga, mukkirize nti
mukiweereddwa, era kinaabanga bwe kityo gye muli.
25 Bwe mubanga mugenda okusaba musonyiwenga omuntu yenna
gwe mulinako ensonga, ne Kitammwe ali mu ggulu alyoke abasonyiwe
ebyonoono byammwe.

---

* **11:9** Eno y’emu ku Zabbuli ezayimbibwanga okujjukira Embaga ey’Okuyitako † **11:19** Abalambuzi abajjanga ku mikolo egy’enjawulo mu Yerusaalemi, baali beetaaga okugula ebisolo eby’okuwaayo ku mbaga ezo ng’ebiragiro bwe byali ebyabaweebwa mu mateeka. Abasuubuzi baali bafudde oluggya Bannamawanga we baakuŋŋaaniranga mu Yeekaalu akatale, ekyali ekikyamu

26 Naye bwe mutaasonyiwenga, ne Kitammwe ali mu ggulu taliba-
sonyiwa byonoono byammwe."

### *Yesu Abuuzibwa Obuyinza gy'Abuggya*

27 Yesu n'abayigirizwa be bwe baakomawo mu Yerusaalemi yali atambu-
latambula mu Yeekaalu, bakabona abakulu n'abannyonnyozi b'amateeka
n'abakulembeze b'Abayudaaya ne bajja gy'ali
28 ne bamubuuza nti, "Buyinza ki obukukoza bino? Era ani yakuwa
obuyinza okukola bino?"
29 Naye Yesu n'abaddamu nti, "Bwe munaamala okunziramu ekibuuzo
kyange kimu, nange n'ababuulira eyampa obuyinza obwo!
30 Okubatiza kwa Yokaana kwava mu ggulu oba kwava eri bantu?
Munziremu!"
31 Ne bakubaganya ebirowoozo bokka na bokka nti, "Bwe tuddamu nti,
'Kwava mu ggulu,' ajja kutubuuza nti, 'Kale, lwaki temwamukkiriza?'
32 Naye, ate bwe tuddamu nti, 'Kwava eri bantu.' " Baali batya ekibiina
ky'abantu. Kubanga buli muntu yalowooza Yokaana okuba nnabbi.
33 Ne baddamu Yesu nti, "Tetumanyi."
Awo Yesu n'abaddamu nti, "Nange sijja kubabuulira obuyinza obunkoza
ebintu ebyo gye mbuggya."

## 12

### *Olugero lw'Abalimi Ababi*

1 Awo Yesu n'atandika okwogera nabo mu ngero, ng'agamba nti,
"Waaliwo omusajja eyalima ennimiro y'emizabbibu, n'ateeka olukomera
okugyetooloola, n'ateekamu essogolero, n'azimbamu n'omunaala,
n'agifuniramu abalimi abaagipangisa, n'agenda olugendo.
2 Ekiseera ky'amakungula bwe kyatuuka, n'abatumira omuddu okufuna
ebibala okuva mu nnimiro ey'emizabbibu.
3 Naye bwe yatuuka ku nnimiro abalimi ne bamukuba ne bamusindika
n'addayo ngalo nsa.
4 Nannyini nnimiro n'atuma omuddu we omulala, oyo ne bamukuba
olubale, ne bamuswaza.
5 Omubaka omulala gwe yatuma baamutta bussi, ate abalala be
yazzaako okutuma, abamu baabakuba n'abalala ne babatta.
6 "Yali asigazzaawo omu yekka ow'okutuma, ye mutabani we omwa-
galwa. Bw'atyo n'amutuma gye bali ng'agamba nti, 'Bajja kussaamu
mutabani wange ekitiibwa.'
7 "Naye abalimi abo ne bateesa bokka na bokka nti, Ono ye musika,
mujje tumutte ebyobusika tubyesigalize!
8 Awo ne bamukwata ne bamutta omulambo gwe ne bagusuula ebweru
w'ennimiro y'emizabbibu.
9 "Mulowooza nannyini nnimiro alikola atya? Agenda kujja, abalimi abo
bonna abazikirize, ennimiro ye agipangiseemu abalimi abalala.
10 Temusomangako byawandiikibwa nti,
" 'Ejjinja abazimbi lye baagaana,
lye lifuuse ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.
11 Ekyo Mukama ye yakikola
era kitwewuunyisa nnyo okukiraba.' "
12 Abakulembeze b'Abayudaaya ne bamanya ng'olugero lwali lukwata
ku bo, olwo ne banoonya engeri gye bayinza okumukwata, naye ne batya
ekibiina. Ne bamuviira ne bagenda.

### *Okuwa Kayisaali Omusolo*

13 Ne bamuweereza abamu ku Bafalisaayo n'Abakerodiyaani boogere,
bagezeeko okumutega mu bigambo.
14 Awo ne bajja gy'ali ne bamugamba nti, "Omuyigiriza, tumanyi
ng'oyogera mazima era tolina gw'otya. Toffaayo ku nfaanana y'abantu,
wabula amazima ameereere, era oyigiriza ekkubo lya Katonda. Kituufu
okuwa Kayisaali omusolo oba tetugumuwa?"*
15 Naye Yesu n'ategeera obunnanfuusi bwabwe n'abagamba nti, "Lwaki
munkema. Mundeetere ensimbi ngirabe."
16 Ne bagimuleetera, n'ababuuza nti, "Ekifaananyi kino n'ebiwandiiko
ebiri ku nsimbi kuno by'ani?"
Ne bamuddamu nti, "Bya Kayisaali."
17 N'abagamba nti, "Kale ebintu bya Kayisaali mubiwenga Kayisaali
n'ebya Katonda, mubiwenga Katonda!"
Ne bamwewuunya nnyo.

### *Yesu Abuuzibwa ku by'Okuzuukira*

18 Awo Abasaddukaayo abagamba nti tewali kuzuukira, ne bamubuuza
nti,
19 "Omuyigiriza, Musa yatuwa etteeka erigamba nti omusajja omufumbo
bw'afanga nga tazadde baana, muganda w'omufu awasenga nnamwandu
wa muganda we oyo alyoke amuzaalire abaana.
20 Waaliwo abooluganda musanvu, mukulu waabwe n'awasa, Oluvan-
nyuma n'afa nga tazadde baana.
21 Muto w'omufu kwe kuwasa nnamwandu wa mukulu we, waayitawo
akabanga katono naye n'afa, nga naye tazadde mwana. Muganda
w'omufu amuddako n'awasa nnamwandu oyo, naye n'atazaala.
22 Bonna omusanvu ne bafa ne baggwaawo. Oluvannyuma n'omukazi
naye n'afa.
23 Kale, mu kuzuukira kw'abafu omukazi oyo aliba muka ani, kubanga
bonna yabafumbirwako?"
24 Yesu n'abaddamu nti, "Ekibaleetedde okukyama bwe butamanya
byawandiikibwa, n'obutategeera maanyi ga Katonda.
25 Kubanga bwe balizuukira mu bafu tebagenda kufumbiriganwa,
kubanga bonna baliba nga bamalayika bwe bali mu ggulu.
26 Ate ebifa ku kuzuukira kw'abafu, temusomanga mu kitabo Musa bwe
yali ku kisaka Katonda n'amugamba nti, 'Nze Katonda wa Ibulayimu era
Katonda wa Isaaka era Katonda wa Yakobo?'
27 Katonda si Katonda w'abafu, wabula ow'abalamu. Mukyamye nnyo."

### *Etteeka Ekkulu*

28 Awo omu ku bannyonnyozi b'amateeka eyali ayimiridde awo
ng'awuliriza bye baali beebuuza, n'ategeera nga Yesu azzeemu bulungi.
Naye n'amubuuzaayo nti, "Mu mateeka gonna, erisingamu obukulu lye
liruwa?"
29 Yesu n'amuddamu nti, "Ery'olubereberye lye lino nti, 'Wulira,
Isirayiri! Mukama Katonda waffe, Mukama ali omu yekka.
30 Era yagala Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'omwoyo gwo
gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.'

---

* **12:14** Okuwa Kayisaali omusolo: Abayudaaya mu Yuda baali bateekwa okuwa Kayisaali omusolo. Bangi ku bo baali tebakkiriziganya kalombolombo ako, kubanga baalowooza nga kyali kukkiriza bufuzi bw'Abaruumi

31 N'eryokubiri lye lino nti, 'Oyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.' Tewaliiwo mateeka malala gasinga ago bukulu."

32 Omunnyonnyozi w'amateeka n'agamba nti, "Omuyigiriza ekigambo ky'oyogedde kya mazima bw'ogambye nti waliwo Katonda omu yekka era teriiyo mulala.

33 Era mmanyi nga kikulu nnyo okumwagala n'omutima gwaffe gwonna, n'okutegeera kwaffe n'amaanyi gaffe, n'okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka, era ng'ekyo kikulu okusinga ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka."

34 Yesu bwe yalaba ng'omusajja azzeemu n'amagezi n'amugamba nti, "Toli wala n'obwakabaka bwa Katonda." Okuva ku ekyo ne watabaawo muntu n'omu eyayaŋŋanga okwongera okumubuuza ebibuuzo ebirala.

### *Kristo Mwana wa Ani*

35 Bwe waayitawo akabanga, Yesu yali ayigiriza mu Yeekaalu, n'ababuuza nti, "Lwaki abannyonnyozi b'amateeka bagamba nti Kristo Mwana wa Dawudi?

36 Kubanga Mwoyo Mutukuvu bwe yali ali ku Dawudi, Dawudi yennyini yagamba ku bwa Mwoyo Mutukuvu nti,

" 'Mukama yagamba Mukama wange nti,
"Tuulira wano ku mukono gwange ogwa ddyo,
okutuusa lwe nditeeka abalabe bo
wansi w'ebigere byo." '

37 Dawudi yennyini amuyita Mukama we, ayinza atya ate okuba Omwana we?"

Ekibiina kyalimu abantu bangi, ne bamuwuliriza n'essanyu.

38 Awo Yesu n'ayigiriza ng'agamba nti, "Mwekuume abannyonnyozi b'amateeka, kubanga baagala nnyo okwambala ne batambulatambula mu butale ng'abantu babalamusa.

39 Baagala nnyo okutuula mu bifo ebisinga obulungi mu makuŋŋaaniro, n'okutuula mu bifo eby'ekitiibwa ku mbaga.

40 Kyokka, banyagako bannamwandu ebintu byabwe, ne beeraga nga basaba esaala empanvu ennyo. Ekibonerezo kyabwe kyekiriva kibeera ekinene ddala."

### *Ekirabo kya Nnamwandu*

41 Awo Yesu bwe yatuula okwolekera eggwanika ly'ensimbi, n'alaba engeri ekibiina ky'abantu gye bateekamu ensimbi mu ggwanika. Abagagga bangi baali bateekamu ensimbi nnyingi.†

42 Awo nnamwandu eyali omwavu n'ajja n'ateekamu ebitundu bibiri, ye kodulante.‡

43 Yesu n'ayita abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti nnamwandu oyo omwavu awaddeyo nnyo okusinga bonna bali abatadde mu ggwanika.

44 Kubanga bonna bataddemu ku bibafikkiridde, naye ate nnamwandu ono mu kwetaaga kwe ataddemu kyonna ky'abadde nakyo, ekibadde kijja okumuyamba obulamu bwe bwonna."

---

† **12:41** Etterekero ly'ensimbi mu yeekaalu lyabeeranga mu luggya lw'abakazi. Abasajja n'abakazi bakkirizibwanga mu luggya olwo, kyokka ng'abakazi bo bakoma awo, ate abasajja bo nga beeyongerayo munda mu yeekaalu ‡ **12:42** ze ssente ezaali zisingirayo ddala okuba eza wansi mu muwendo mu Palesitayini mu biro ebyo

# 13

*Obubonero obw'Enkomerero*

1 Awo Yesu bwe yali ng'ava mu Yeekaalu omu ku bayigirizwa be n'amugamba nti, "Omuyigiriza, laba, amayinja ago, n'ebizimbe ebyo."

2 Yesu n'amuddamu nti, "Ebizembe ebyo eby'ekitalo obiraba? Ne bwe kiriba ki tewaliba jjinja na limu wano eririsigala ku linnaalyo."

3 Awo Yesu bwe yali ng'atudde awo ku lusozi olwa Zeyituuni, okwolekera yeekaalu, Peetero ne Yakobo ne Yokaana ne Andereya ne bamubuuza mu kyama, ne bamubuuza nti,

4 "Tutegeeze, ebintu byonna we birituukirira, era n'akabonero akalibaawo ng'ebyo byonna bigenda okutuukirira."

5 Yesu n'abagamba nti, "Mwekuume omuntu yenna tababuzaabuzanga.

6 Bangi abalijja mu linnya lyange nga bagamba nti, 'Nze nzuuyo,' era balibuzaabuza bangi.

7 Naye bwe muliwulira entalo, n'eŋŋambo ez'entalo, temutyanga. Kyetaaga ebyo byonna okubaawo naye enkomerero eriba tennatuuka.

8 Kubanga amawanga galirwanagana, n'obwakabaka bulirwana n'obwakabaka, era musisi aliyita mu bifo bingi, n'enjala nnyingi erigwa. Okulumwa ng'okw'okuzaala kuliba kutandika butandisi."

9 "Mwekuume mmwe. Balibawaayo mu mbuga z'amateeka ne mu makuŋŋaaniro, mulikubibwa, muliyimirira mu maaso ga bakabaka ne bagavana. Muliyimirira ku lwange, okubeera abajulirwa gye bali.

10 Era Enjiri kigigwanira okumala okubuulirwa amawanga gonna.

11 Bwe balibakwata ne babawaayo, temweraliikiriranga kya kuwoza. Kye munaaweebwanga okwogera mu kiseera ekyo kye munaayogeranga kubanga si mmwe muliba mwogera wabula Mwoyo Mutukuvu y'aliba ayogerera mu mmwe."

12 "Owooluganda aliwaayo muganda we okuttibwa, ne kitaawe w'omwana aliwaayo omwana we. Abaana balijeemera bazadde baabwe ne babatta.

13 Mulikyayibwa abantu bonna, olw'erinnya lyange, naye oyo aligumi-ikiriza okutuusa ku nkomerero y'alirokolebwa."

14 "Bwe mulabanga ekintu eky'omuzizo ekizikiriza, nga kiyimiridde mu kifo we kitasaanira (asoma bino, weetegereze) abali mu Buyudaaya baddukiranga ku nsozi.

15 N'oyo alibeera waggulu ku nnyumba takkanga wadde okuyingira okubaako ky'atwala okuva mu nnyumba ye.

16 N'oyo alibeera mu nnimiro, taddanga kutwala bintu bye, wadde okukima yo olugoye lwe.

17 Naye ziribasanga abaliba embuto n'abaliba bayonsa mu nnaku ezo.

18 Naye musabe ekiseera ekyo kireme kuba kya butiti.

19 Kubanga ekiseera ekyo kiriba kya kubonyaabonyezebwa okutabeerangawo kasookedde Katonda atonda eggulu n'ensi, n'okutuusa kaakano n'emirembe egigenda okujja.

20 "Era singa Mukama teyakendeeza ku nnaku ezo, tewandiwonyeewo muntu yenna, naye olw'abalonde be, ennaku ezo yazikendeezaako.

21 Era omuntu yenna singa abagamba nti, 'Mulabe, Kristo wuuli,' temumukkirizanga.

22 Kubanga bakristo ab'obulimba balijja, ne bannabbi ab'obulimba nabo balijja ne bakola eby'amagero n'ebyewuunyo, nga bagenderera okulimba n'abalonde ba Katonda.

23 Naye mwekuume! Kubanga mbalabudde ng'ebintu bino byonna
tebinnabaawo.
24 "Ennaku ez'entiisa eyo nga ziweddeko,
" 'enjuba eriggyako ekizikiza,
era n'omwezi teguliyaka,
25 era, emmunyeenye zirikunkumuka,
n'aboobuyinza ab'omu bbanga balikankana.' "
26 "Olwo muliraba Omwana w'Omuntu ng'ajjira ku bire n'amaanyi
mangi n'ekitiibwa kinene,
27 Era alituma bamalayika okukuŋŋaanya abalonde be okuva eri em-
pewo ennya, n'okuva ensalo z'ensi gye zikoma okutuuka ensalo z'eggulu
gye zikoma."

*Omutiini kye Guyigiriza*

28 "Muyigire ku lugero lw'omutiini. Amatabi gaagwo bwe gatandika
okutojjera, nga mumanya nti ebiseera eby'ebbugumu binaatera okutuuka.
29 Noolwekyo nammwe bwe muliraba ebintu ebyo nga bibaawo, nga
mumanya nti ekiseera kiri kumpi, era kisemberedde ddala ku luggi.
30 Ddala ddala mbagamba nti omulembe guno tegugenda kuggwaako
okutuusa ng'ebintu byonna bimaze okubaawo.
31 Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange biribeerera
emirembe n'emirembe."

*Tewali Amanyi Lunaku wadde Ekiseera*

32 "Naye eby'olunaku olwo oba essaawa tewali n'omu abimanyi,
newaakubadde bamalayika mu ggulu wadde Omwana, okuggyako Kitaffe.
33 Mwekuume, mutunule*kubanga temumanyi kiseera we kirituukira.
34 Ng'omusajja eyatambula olugendo n'ategekera abaddu be, buli
omu n'amuwa obuyinza ng'omulimu gwe bwe guli, n'alagira omuggazi
w'oluggi atunule alindirire."
35 "Noolwekyo mubeere beetegefu kubanga temumanyi ssemaka
wakomerawo oba kawungeezi, oba mu ttumbi, oba ng'enkoko
zikookolima, oba ng'obudde bukya,
36 si kulwa ng'akomawo nga temumanyiridde, n'abasanga nga mwebase.
37 Kye mbagamba mmwe, kye ŋŋamba buli muntu, mwekuume."

# 14

*Omukazi Asiiga Yesu Amafuta ag'Omuwendo*

1 Embaga ey'Okuyitako*, kwe baliira emigaati egitali mizimbulukuse,
yali ebuzaayo ennaku bbiri etuuke. Bakabona abakulu n'abannyonnyozi
b'amateeka ne basala olukwe engeri gye banaakwata Yesu bamutte.
2 Ne bagamba nti, "Si mu kiseera ky'embaga y'Okuyitako, kubanga
abantu bayinza okuleetawo akeegugungo."
3 Mu kiseera ekyo Yesu ng'ali Besaniya mu nnyumba y'omusajja eyali
amanyiddwa nga Simooni Omugenge, ng'atudde, omukazi n'ayingira

* **13:33** Ebiwandiiko ebirala bigamba mutunule era musabe * **14:1** Embaga ey'Okuyitako: Mbaga ya Bayudaaya ejjukirirwako olunaku Malayika wa Mukama lwe yatta abaana ba Misiri ababereberye mu Misiri, kyokka n'alekawo Abayisirayiri. Abaana b'endiga oba ab'embuzi battibwanga ku lunaku olw'ekkumi n'ennya mu mwezi gwa Nisani (Maaki-Apuli) mu kukwata embaga eyo. Omukolo ogwo gwatandikibwanga mu ssaawa ez'akawungeezi ng'enjuba egoloobye ne guggwa ku ssaawa mukaaga ogw'ekiro

ng'alina eccupa, eyalimu amafuta ag'akaloosa ag'omuwendo omungi. N'ayasa eccupa n'asiiga amafuta ku mutwe gwa Yesu.
4 Abamu ku abo abaaliwo ne basunguwalira nnyo ekikolwa ekyo, nga beebuuza nti, "Amafuta ago gafudde ki?
5 Wakiri singa gatundiddwa dinaali ezisukka mu bikumi ebisatu, ne ziweebwa abaavu!" Ne bamwemulugunyiza.
6 Naye Yesu n'abagamba nti, "Omukazi mumuleke. Lwaki mumuteganya? Ankoledde ekikolwa kirungi.
7 Abaavu muli nabo bulijjo, era muyinza okubakolera obulungi buli we mwagalidde, naye Nze sijja kubeera nammwe bulijjo.
8 Akoze ky'asobola, omubiri gwange agusiigiddewo amafuta ag'akaloosa nga bukyali, ng'aguteekateeka okuziikibwa.
9 Ddala ddala mbagamba nti buli kifo kyonna Enjiri gy'eneebuulirwanga mu nsi yonna, ekikolwa ky'omukazi ono kinajjukirwanga era kinaayongerwangako okumujjukiranga."

### *Yuda Alya mu Yesu Olukwe*

10 Awo Yuda Isukalyoti, omu ku bayigirizwa ba Yesu ekkumi n'ababiri, n'agenda eri bakabona abakulu alabe bw'anaalyamu Yesu olukwe amubawe.
11 Bakabona abakulu bwe baakiwulira ne basanyuka nnyo, ne bamusuubiza okumuwa ensimbi. Bw'atyo Yuda n'atandika okunoonyereza engeri entuufu w'anaaweerayo Yesu.

### *Ekyekiro kya Mukama Waffe*

12 Awo ku lunaku olusooka olw'embaga y'Abayudaaya kwe baliira emigaati egitali mizimbulukuse, nga bawaayo omwana gw'endiga ogw'Okuyitako nga ssaddaaka, abayigirizwa be ne bamubuuza nti, "Oyagala tukutegekere wa gy'onooliira Embaga ey'Okuyitako."
13 N'atuma babiri ku bayigirizwa be, n'abagamba nti, "Mugende mu kibuga munaasanga omusajja eyeetisse ensuwa y'amazzi, mumugoberere.
14 Muyingire mu nnyumba mw'anaayingira, mubuuze nnyinimu nti, 'Ekisenge nze n'abayigirizwa bange mwe tunaalira Embaga ey'Okuyitako kiri ludda wa?'
15 Ajja kubalaga ekisenge ekinene ekya waggulu, ekiwedde okulongoosa n'okutegeka. Muteekereteekere omwo ekijjulo kyaffe."
16 Awo abayigirizwa ababiri ne bagenda mu kibuga, ne basanga byonna nga Yesu bwe yabibagamba, ne bateekateeka Okuyitako.
17 Obudde bwe bwawungeera n'atuuka n'abayigirizwa be ekkumi n'ababiri.
18 Bwe baali batudde nga balya, Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti omu ku mmwe alya nange anandyamu olukwe."
19 Ennaku n'ebakwata nnyo, ne batandika okumubuuza kinnoomu nti, "Ddala ye nze?"
20 N'abagamba nti, "Omu ku mmwe ekkumi n'ababiri, akoza nange mu kibya.
21 Omwana w'Omuntu agenda ng'Ebyawandiikibwa bwe biri. Naye zimusanze alya mu Mwana w'Omuntu olukwe. Kyandibadde kirungi singa omuntu oyo teyazaalibwa."
22 Awo bwe baali balya, Yesu n'addira omugaati, ne yeebaza, n'agumenyaamenyamu, n'agabira abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Mutoole mulye, guno gwe mubiri gwange."
23 Ate n'addira ekikompe ne yeebaza n'akibawa; bonna ne banywa.

24 N'abagamba nti, "Guno musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika ku
lw'abangi.
25 Ddala ddala mbagamba nti sigenda kuddayo kunywa ku kibala
kya muzabbibu okutuusa ku lunaku luli lwe ndikinywa nga kisingawo
obulungi mu bwakabaka bwa Katonda."
26 Awo ne bayimbayo oluyimba, ne bafuluma ne bagenda ku lusozi olwa
Zeyituuni.

### *Yesu Ategeeza Peetero nga bw'Anaamwegaana*

27 Yesu n'abagamba nti, "Buli omu ku mmwe ajja kunjabulira, kubanga
kyawandiikibwa nti,
" 'Ndikuba omusumba,
endiga ne zisaasaana.'
28 Naye bwe ndimala okuzuukizibwa, ndibakulembera okugenda e Ggali-
raaya."
29 Peetero n'amugamba nti, "Abalala bonna ne bwe banaakwabulira,
nze siikwabulire!"
30 Yesu n'amugamba nti, "Ddala ddala nkugamba nti ekiro kya leero,
enkoko eneeba tennakookolima mirundi ebiri, onooneegaana emirundi
esatu."
31 Peetero n'akiggumiza nnyo ng'agamba nti, "Oba kufiira wamu naawe
n'afa, naye sijja kukwegaana n'akamu kokka." N'abalala bonna ne
beerayirira bwe batyo.

### *Yesu mu Gesusemane*

32 Awo Yesu n'abayigirizwa be ne batuuka mu kifo ekiyitibwa Gesuse-
mane, n'agamba abayigirizwa be nti, "Mugira mutuuula wano, ŋŋende
nsabe."
33 N'atwala Peetero, ne Yakobo ne Yokaana; n'atandika okweraliikirira
n'okuteganyizibwa mu mutima.
34 N'abagamba nti, "Omwoyo gwange guliko ennaku nnyingi nnyo
zaagala na kunzita, kale mubeere wano mukuume."
35 Ne yeeyongerako mu maaso katono, n'agwa wansi n'asaba obanga
kisoboka, essaawa eyo, ereme kutuuka.
36 N'asaba nti, "Aba, Kitange, ebintu byonna bisoboka gy'oli. Nzigyako
ekikompe kino. Naye si nga Nze bwe njagala, wabula nga ggwe
bw'oyagala."
37 N'akomawo gye bali, n'abasanga nga beebase. N'agamba Peetero nti,
"Simooni! Weebase? Tosobodde kutunulako nange wadde essaawa emu?
38 Mutunule musabe, muleme kukemebwa. Omwoyo gwagala, naye
omubiri munafu."
39 Ate n'abaleka awo n'addayo, n'asaba ebigambo bye bimu na biri bye
yasaba olubereberye.
40 N'akomawo we bali, n'abasanga nga beebase, kubanga amaaso
gaabwe gaali gakambira. Ne batamanya kya kumuddamu.
41 Bwe yadda gye bali omulundi ogwokusatu n'abagamba nti, "Kale
mwebakire ddala. Kinaamala, laba ekiseera kituuse Omwana w'Omuntu
aweebweyo mu mikono gy'abalina ebibi.
42 Musituke! Tugende, laba andyamu olukwe anaatera okutuuka."
43 Yesu yali akyayogera, amangwago Yuda (omu ku batume be ekkumi
n'ababiri) n'ajja ng'ali n'ekibiina kinene, ekyava ewa bakabona abakulu,
n'abakulembeze b'Abayudaaya, nga balina ebitala era nga bakutte emiggo.

44 Yuda yali abagambye nti, “Gwe nnanywegera, ye wuuyo mumukwate,
mumutwale nga mumunywezezza.”
45 Awo baali baakatuuka Yuda n'alaga eri Yesu, bwe yamutuukako
n'agamba nti, “Omuyigiriza!” N'amugwa mu kifuba.
46 Ne bavumbagira Yesu ne bamukwata, ne bamunyweza.
47 Naye omu ku baali bayimiridde awo n'asowolayo ekitala n'asalako
okutu kw'omuddu wa Kabona Asinga Obukulu.
48 Yesu n'ababuuza nti, “Lwaki munzijjidde ng'omumenyi w'amateeka,
n'ebitala n'emiggo okunkwata?
49 Mbadde nammwe ennaku nnyingi mu yeekaalu nga njigiriza, naye
temwankwata. Naye kino kikoleddwa ebyawandiikibwa bituukirire.”
50 Bonna ne bamwabulira ne badduka.
51 Naye waaliwo omulenzi omuvubuka eyali agoberera ng'avaako
ennyuma, nga yeebikkiridde olugoye, lumu lwokka, ne baagezaako
okumukwata,
52 n'abeesumattulako, ne basigaza olugoye n'adduka bwereere.

### *Yesu mu Maaso g'Olukiiko*

53 Awo Yesu n'atwalibwa eri Kabona Asinga Obukulu, bakabona abakulu
n'abakulembeze b'Abayudaaya n'abannyonnyozi b'amateeka.
54 Peetero n'agoberera nga yeesuddeko akabanga, n'ayita mu luggya lwa
Kabona Asinga Obukulu, n'atuula ku kyoto n'abaweereza we baali bootera
omuliro.
55 Bakabona abakulu, n'Abasaddukaayo bonna,[†] baali banoonya obu-
julizi kwe banaasinziira okutta Yesu, naye ne bubabula.
56 Bangi baayogera eby'obulimba ku ye, naye obujulizi bwabwe nga
bukoonagana bukoonaganyi.
57 Abamu ku bo ne bamuwaayiriza nga bagamba nti,
58 “Twamuwulira ng'ayogera nti, ‘Ndizikiriza Yeekaalu eno eyazim-
bibwa n'emikono gy'abantu, naye oluvannyuma lw'ennaku ssatu ndizza-
awo endala etazimbiddwa na mikono gy'abantu.’ ”
59 Naye era n'olwo ebigambo byabwe tebyatereera bulungi.
60 Awo Kabona Asinga Obukulu n'ayimirira, n'abuuza Yesu nti, “Tolina
ky'oddamu ku bino bye bakwogerako?”
61 Yesu n'atamuddamu kintu. Ate Kabona Asinga Obukulu n'amubuuza
nti, “Ggwe Kristo, Omwana w'oyo atenderezebwa?”
62 Yesu n'addamu nti, “Ye Nze, era mugenda kulaba Omwana
w'Omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda Ayinzabyonna,
ng'akomawo mu bire eby'eggulu.”
63 Awo Kabona Asinga Obukulu n'ayuza ebyambalo bye, n'agamba nti,
“Ate twetaagira ki abajulizi?
64 Muwulidde obuvvoozi. Musala mutya omusango guno?”
Bonna ne bamusalira gwa kufa.
65 Abamu ne batandika okumuwandulira amalusu, ne bamusiba kan-
tuntunu ku maaso, ne bamukuba empi mu maaso, nga bwe bamuduulira
nga bagamba nti, “Lagula.” N'abaserikale nabo ne bamukuba ebikonde
nga bamufulumya.

### *Peetero Yeegaana Yesu*

66 Peetero yali ali wabweru mu luggya, omu ku bawala abaweereza ba
Kabona Asinga Obukulu n'ajja.

---
† **14:55** Olukiiko olwo baaluyitanga Saniheduliini

67 Bwe yalaba Peetero n'amwetegereza ng'ayota omuliro, n'amugamba nti, "Ggwe, wali ne Yesu, Omunnazaaleesi."
68 Peetero ne yeegaana ng'agamba nti, "Simanyi wadde okutegeera by'oyogerako!" N'afuluma n'alaga ebweru mu kisasi, enkoko n'ekookolima.
69 Omuwala oli n'alengera Peetero, n'ategeeza banne abaali bayimiridde awo nti, "Ono ali omu ku bo."
70 Peetero n'ayongera okwegaana.‡
Bwe waayitawo akabanga, abantu abalala abaali bayimiridde awo ne bagamba Peetero nti, "Ddala ddala oli omu ku bo, kubanga oli Mugaliraaya!"
71 Peetero n'atandika, okukolima n'okulayira nga bw'agamba nti, "Omusajja ono gwe mwogerako, simumanyi."
72 Amangwago enkoko n'ekookolima omulundi ogwokubiri, Peetero n'ajjukira ebigambo Yesu bye yali amugambye nti, "Enkoko eneeba tennakookolima mirundi ebiri, onoonneegaana emirundi esatu." Awo Peetero n'atulika n'akaaba amaziga.

# 15

*Yesu Atwalibwa eri Piraato*
1 Amangwago mu makya olukiiko lwa bakabona abakulu, n'abakulembeze b'Abayudaaya, n'abannyonnyozi b'amateeka lwe Lukiiko Olukulu lwonna, ne bakuŋŋaana ne basiba Yesu, ne bamuweereza ewa Piraato.
2 Piraato n'abuuza Yesu nti, "Ggwe Kabaka w'Abayudaaya?"
Yesu n'amuddamu nti, "Oyogedde."
3 Awo bakabona abakulu ne bamulumiriza ebintu bingi.
4 Naye Piraato n'addamu n'amubuuza nti, "Lwaki toliiko ky'oddamu? Laba bakulumiriza ebintu bingi."
5 Naye Yesu n'asirika busirisi, era Piraato n'amwewuunya nnyo.
6 Ku buli mbaga, Piraato yabateeranga omusibe omu gwe baabanga bamusabye.
7 Omu ku basibe mu kiseera ekyo yali ayitibwa Balaba, eyali asibiddwa ne bajeemu banne olw'okutta abantu nga bakola obwegugungo.
8 Awo Piraato n'agenda eri ekibiina n'ababuuza nga bwe yateranga okukola.
9 N'ababuuza nti, "Mwandyagadde mbasumululire kabaka w'Abayudaaya?"
10 Kubanga yamanya nga bakabona abakulu bamuwaddeyo lwa buggya.
11 Naye bakabona abakulu ne bafukuutirira ekibiina babateere Balaba sso ssi Yesu.
12 Naye Piraato n'addamu n'ababuuza nti, "Omuntu ono gwe muyita kabaka w'Abayudaaya mwandyagadde mmukole ntya?"
13 Ne bawowoggana nti, "Mukomerere!"
14 Piraato n'ababuuza nti, "Lwaki? Azziza musango ki?" Naye bo ne beeyongera bweyongezi okuleekaana nti, "Mukomerere."
15 Awo Piraato okusanyusa ekibiina, n'abasumululira Balaba. N'awaayo Yesu akomererwe ng'amaze okumukuba.

‡ **14:70** Abagaliraaya baategeerebwanga ku njogera yaabwe. Newaakubadde nga baali Bayudaaya, enjogera yaabwe yali ya njawulo ku njogera y'Abayudaaya abalala

### *Abaserikale Baduulira Yesu*

16 Awo Abaserikale ne batwala Yesu mu luggya lw'olubiri, oluyitibwa Pulayitoliyo, ne bayita bannaabwe bonna abakuuma olubiri, ne bakuŋŋaana.

17 Ne bamwambaza ekyambalo ekya ffulungu, ne bakola engule mu maggwa ne bagissa ku mutwe gwe.

18 Ne balyoka bamulamusa nga bwe bagamba nti, "Mirembe! Kabaka w'Abayudaaya!"

19 Ne bamukuba omuggo ku mutwe, ne bamuwandulira amalusu, ne bamufukaamirira nga bwe bamuvuunamira.

20 Bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulamu ekyambalo ekya ffulungu ne bamwambaza engoye ze, ne bamutwala okumukomerera.

### *Yesu Akomererwa ku Musaalaba*

21 Bwe baali bagenda ne basanga omusajja erinnya lye Simooni ow'e Kuleene,* kitaawe wa Alegezanda ne Luufo eyali ava mu kyalo, ne bamuwaliriza yeetikke omusaalaba gwa Yesu.

22 Awo ne batwala Yesu ne bamutuusa mu kifo ekiyitibwa Gologoosa, amakulu gaakyo nti Ekifo ky'Ekiwanga.

23 Ne baddira wayini atabuddwamu envumbo ne bamuwa anyweko, naye n'amugaana.†

24 Awo ne bamukomerera ku musaalaba.

Ne bagabana ebyambalo bye nga babikubira akalulu.

25 Baamukomerera ku ssaawa ssatu ez'enkya.

26 Ne batimba ekipande waggulu w'omutwe gwa Yesu, okwawandiikibwa nti,

"Kabaka w'Abayudaaya."

27 Waaliwo abanyazi babiri abaakomererwa awamu naye, omu ku ludda lwa Yesu olwa ddyo, n'omulala ku kkono.

28 Bwe kityo Ekyawandiikibwa ne kituukirira ekigamba nti, "Yabalirwa wamu n'abamenyi b'amateeka."

29 Awo abaali bayitawo, ne bakoteka ku mitwe gyabwe nga bamuduulira, nga bwe bagamba nti, "Mumulaba! Wagamba okumenya Yeekaalu n'okugizimbira ennaku ssatu,

30 weerokole, okke wansi okuva ku musaalaba."

31 Bakabona abakulu n'abawandiisi nabo baali bayimiridde awo nga baduulira Yesu, nga bagamba nti, "Yalokola balala, naye ye tasobola kwerokola!

32 Ggwe! Kristo, Kabaka wa Isirayiri! Kale kka ove ku musaalaba naffe tunaakukkiriza!" N'abanyazi ababiri abaakomererwa naye, nabo ne bamuvuma.

### *Okufa kwa Yesu*

33 Okuva ku ssaawa mukaaga ez'omu ttuntu okutuukira ddala ku ssaawa mwenda ez'olweggulo, ekizikiza ne kikwata ensi yonna.

---

* **15:21** Kuleene kyali kibuga kikulu mu nsi y'e Libiya esangibwa mu bukiikakkono bwa Ssemazinga Afirika. Kyalimu Abayudaaya bangi, era kirabika nga Simooni yali omu ku Bayudaaya abaabeeranga mu kibuga ekyo abaali bazze okukwata Embaga ey'Okuyitako mu Yerusaalemi

† **15:23** Wayini atabuddwamu envumbo kyali kyakunywa ekyakendezanga ku bulumi. Envumbo kimera ekisangibwa mu ddungu ly'e Buwalabu ne mu bitundu ebimu ebya Afirika

34 Awo Yesu n'akoowoola n'eddoboozi eddene nti, "Eroi, Eroi, lama, sabakusaani?" Amakulu nti, "Katonda wange, Katonda wange, Lwaki onjabulidde?"

35 Abamu ku bantu abaali bayimiridde awo bwe baamuwulira ne bagamba nti, "Ayita Eriya."

36 Awo ne wabaawo eyadduka n'addira ekyangwe n'akijjuza wayini omukaatuufu, n'akisonseka ku luti, n'akiwanika eri Yesu anyweko, nga bw'agamba nti, "Mumuleke, ka tulabe obanga Eriya anajja n'amuwannulayo!"

37 Awo Yesu n'akoowoola n'eddoboozi ddene, n'awaayo obulamu bwe.

38 Eggigi‡ ery'omu Yeekaalu ne liyulikamu wabiri okuviira ddala waggulu okutuuka wansi.

39 Omuserikale Omuruumi eyakuliranga ekibinja ky'abaserikale ekikumi eyali ayimiridde okwolekera omusaalaba gwa Yesu, bwe yalaba enfa gye yafaamu, n'agamba nti, "Ddala ddala, omusajja ono abadde Mwana wa Katonda!"

40 Waaliwo abakazi abaali bayimiridde awo nga beesuddeko akabanga nga balengera, okwali Maliyamu Magudaleene, ne Saalome ne Maliyamu nnyina Yakobo omuto ne Yose.

41 Abo baayitanga naye mu Ggaliraaya era nga bamuweereza, n'abalala bangi abajja naye e Yerusaalemi.

### *Okuziikibwa kwa Yesu*

42 Awo bwe bwawungeera, kubanga lunaku lwa kuteekateeka, olunaku olukulembera Ssabbiiti,

43 Yusufu ow'e Alimasaya, nga mukungu mu Lukiiko Olukulu olw'Abayudaaya, naye eyali alindirira obwakabaka bwa Katonda, n'aba muvumu n'agenda eri Piraato okusabayo omulambo gwa Yesu.

44 Piraato ne yeewuunya nnyo okuba nti Yesu yafudde dda. N'atumya omuserikale Omuruumi eyali akulembera banne ekikumi, n'amubuuza obanga Yesu yafudde dda.

45 Bwe yakikakasa okuva eri omuserikale, Piraato n'awa Yusufu omulambo.

46 Awo Yusufu n'agula olugoye olwa linena, n'amuggya ku musaalaba, n'amuzinga mu lugoye olwa linena, n'amuteeka mu ntaana eyali etemeddwa mu lwazi, n'ayiringisa ejjinja n'aggalawo omulyango gw'entaana.

47 Maliyamu Magudaleene ne Maliyamu nnyina Yose baaliwo era baalaba Yesu we yateekebwa.

## 16

1 Oluvannyuma lwa Ssabbiiti, Maliyamu Magudaleene, ne Saalome ne Maliyamu nnyina Yakobo, ne bagula ebyakaloosa eby'okusiiga omulambo gwa Yesu.

2 Mu makya nnyo ku lunaku olusooka olwa wiiki ng'enjuba yaakavaayo, ne bagenda nabyo ku ntaana.

3 Awo ne bagenda nga bwe beebuuzaganya gye banaggya omuntu anaabayiringisiza ejjinja eddene lityo okuliggya ku mulyango gw'entaana.

4 Naye bwe baatuukawo, ne balaba ng'ejjinja lyayiringisiddwa. Ejjinja lyali ddene nnyo.

‡ **15:38** Eggigi ly'omu yeekaalu, lye lyayawulanga Ekifo Ekitukuvu n'Awatukuvu w'Awatukuvu. Okuyulikamu okw'ejjiji kyategeeza nga Kristo bwe yali ayingidde mu ggulu ku lwaffe, naffe tulyoke tuyingire mu Watukuvu w'Awatukuvu

5 Bwe baayingira mu ntaana, ne balaba omusajja omuvubuka,
ng'ayambadde engoye enjeru, ng'atudde ku ludda olwa ddyo! Ne
bawuniikirira nnyo!
6 Naye n'abagamba nti, "Temutya. Munoonya Yesu, Omunnazaaleesi
eyakomererwa. Wano taliiwo! Azuukidde. Mulabe, omulambo gwe we
gwali gugalamiziddwa.
7 Kale mugende mutegeeze abayigirizwa be, ne Peetero, ebigambo
bino nti, 'Yesu abakulembeddemu okugenda e Ggaliraaya. Eyo gye
mulimulabira nga bwe yabagamba.' "
8 Awo abakazi abo ne badduka emisinde mingi okuva ku ntaana, nga
batidde nnyo, nga bwe bakankana, ne batabaako n'omu gwe bategeeza
olw'okutya.

### *Yesu Alabikira Maliyamu Magudaleene*

9 Ku lunaku olusooka olwa wiiki, Yesu kwe yazuukirira, n'asooka oku-
labikira Maliyamu Magudaleene, omukazi gwe yagobako baddayimooni
omusanvu.
10 Maliyamu n'agenda eri abayigirizwa, n'abasanga nga bakaaba era nga
bakungubaga.
11 N'ababuulira nti Yesu amulabyeko era mulamu! Naye ne batamukki-
riza!

### *Yesu Alabikira Abayigirizwa Ababiri*

12 Oluvannyuma lw'ebyo, Yesu ng'ali mu kifaananyi kirala n'alabikira
abayigirizwa babiri bwe baali nga batambula mu kkubo nga bagenda mu
kyalo.
13 Oluvannyuma nabo ne bagenda ne bategeeza abalala, naye nabo
tebaakikkiriza.

### *Yesu Alabikira Abayigirizwa be Ekkumi n'Omu*

14 Oluvannyuma Yesu n'alabikira abayigirizwa ekkumi n'omu bwe baali
nga balya. N'abanenya olw'obutakkiriza bwabwe, n'olw'obukakanyavu
bw'emitima gyabwe kubanga tebakkiriza abo abaali bamulabyeko
ng'amaze okuzuukira.
15 *N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu
bonna.*
16 *Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakk-
iriza balisalirwa omusango ne gubasinga.*
17 *Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange,
era balyogera ennimi empya.*
18 *Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna
ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku
balwadde ne babawonya."*

### *Yesu Atwalibwa mu Ggulu*

19 *Awo Mukama waffe Yesu bwe yamala okwogera nabo, n'atwalibwa mu
ggulu n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.*
20 *Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama
n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka
bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero.*

# Enjiri nga bwe Yawandiikibwa Lukka

1 Abantu bangi bagezezzaako okuwandiika ebyafaayo ebyatuukirizibwa
mu ffe,
2 ng'abo abaasooka edda bwe baabitubuulira, nga be baali abajulirwa
era abaweereza b'Ekigambo okuviira ddala ku lubereberye.
3 Bwe ntyo bwe mmaze okukakasiza ddala buli kintu n'obwegendereza
okuva ku by'olubereberye okutuukira ddala ku byasembayo, ne ndaba
nga kirungi okukuwandiikira ggwe Teefiro ow'ekitiibwa ennyo, ndyoke
mbikuwandiikire nga bwe byaliraanagana.
4 Olyoke omanye amazima g'ebyo bye wayigirizibwa.

### *Okulanga Okuzaalibwa kwa Yokaana Omubatiza*

5 Awo mu biro Kabaka Kerode we yafugira Obuyudaaya, waaliwo
kabona erinnya lye Zaakaliya, nga wa mu kitongole kya Abiya, nga
mukyala we naye yali wa mu kika kya Alooni, erinnya lye Erisabesi.
6 Abantu abo bombi baali batuukirivu mu maaso ga Katonda, era nga
batambulira mu mateeka ga Katonda gonna, ne mu biragiro bya Mukama,
nga tebaliiko kya kunenyezebwa.
7 Bombi baali bakaddiye nnyo, era tebaalina mwana, kubanga Erisabesi
yali mugumba.
8 Awo lwali lumu, Zaakaliya bwe yali ng'ali ku mulimu gwe
ogw'obwakabona mu maaso ga Katonda, kubanga kye kyali ekiseera
eky'oluwalo lwe,
9 n'alondebwa okwoteza obubaane mu yeekaalu ya Mukama,
ng'emirimu gy'obwakabona bwe gyabanga.
10 Mu ssaawa eyo ey'okwoteza obubaane ekibiina kyonna eky'abantu
baali bakuŋŋaanidde mu luggya lwa Yeekaalu.
11 Awo malayika wa Mukama n'alabikira Zaakaliya, n'ayimirira ku luuyi
olwa ddyo olw'ekyoto okwoterezebwa obubaane!
12 Zaakaliya n'atya nnyo bwe yalaba malayika, entiisa n'emukwata.
13 Naye malayika n'amugamba nti, “Totya Zaakaliya! Kubanga okusaba
kwo kuwuliddwa, era mukazi wo Erisabesi ajja kukuzaalira omwana
wabulenzi. Olimutuuma erinnya Yokaana.
14 Mwembi mulisanyuka nnyo ne mujaguza. Era bangi abalibasanyuki-
rako olw'okuzaalibwa kwe.
15 Kubanga aliba mukulu mu maaso ga Katonda. Talinywa mwenge
wadde ekitamiiza kyonna. Era alijjuzibwa Mwoyo Mutukuvu ng'akyali
mu lubuto lwa nnyina.
16 Era alireetera abaana ba Isirayiri bangi okudda eri Mukama Katonda
waabwe.
17 Aliweerereza mu mwoyo ne mu maanyi aga nnabbi Eriya, n'akyusa
emitima gy'aba kitaabwe okudda eri abaana baabwe, n'okukyusa emitima
gy'abajeemu okudda eri amagezi g'abatuukirivu alyoke ateeketeeke
abantu okulindirira Mukama.”
18 Zaakaliya n'agamba malayika nti, “Ekyo nnaakimanya ntya? Kubanga
nze ndi mukadde, ne mukazi wange naye akaddiya nnyo.”
19 Malayika n'amugamba nti, “Nze Gabulyeri ayimirira mu maaso ga
Katonda, era y'antumye okwogera naawe n'okukuleetera amawulire gano.

20 Naye olw’okuba nga tokkirizza bigambo byange, ojja kuziba omumwa, era togenda kuddamu kwogera okutuusa ng’ebintu ebyo bimaze okubaawo. Kubanga ebigambo byange byonna birimala kutuukirira mu kiseera kyabyo.”

21 Abantu abaali balindirira ebweru wa Yeekaalu okulaba Zaakaliya ne beewuunya nnyo ekyamulwisaayo ennyo bw’atyo.

22 Oluvannyuma ennyo bwe yavaayo, yali tasobola kwogera nabo, ne bategeera nga mu Yeekaalu afuniddeyo okwolesebwa. N’asigala ng’azibye omumwa naye ng’abategeeza mu bubonero.

23 N’abeera mu Yeekaalu okutuusa ennaku ze ez’oluwalo lwe zaggwaako n’alyoka addayo eka.

24 Ennaku ezo bwe zaayitawo, mukazi we Erisabesi n’aba olubuto, ne yeekwekera ebbanga lya myezi etaano.

25 N’agamba nti, “Mukama nga wa kisa kingi, kubanga anziggyeeko ensonyi olw’obutaba na mwana.”

### *Okuzaalibwa kwa Yesu Kulangibwa*

26 Awo mu mwezi ogw’omukaaga, Katonda n’atuma malayika Gabulyeri mu kibuga Nazaaleesi eky’omu Ggaliraaya

27 eri omuwala erinnya lye Maliyamu, nga tamanyi musajja, eyali ayogerezebwa omusajja erinnya lye Yusufu, ow’omu lulyo lwa Dawudi.

28 Awo Gabulyeri n’alabikira Maliyamu n’amulamusa nti, “Mirembe! Ggwe aweereddwa omukisa! Mukama ali naawe!”

29 Maliyamu n’atya, n’abulwa n’ekyokwogera, ng’okulamusa okwo kumutabudde, nga n’amakulu gaakwo tagategeera.

30 Awo malayika n’amugamba nti, “Totya, Maliyamu, kubanga olabye ekisa mu maaso ga Katonda.

31 Kubanga, laba, olibeera olubuto, olizaala omwana wabulenzi era olimutuuma erinnya, Yesu.

32 Agenda kuba mukulu, wa kitiibwa, era aliyitibwa Omwana w’Oyo Ali Waggulu Ennyo, era Mukama Katonda alimuwa entebe ey’obwakabaka eya jjajjaawe Dawudi.

33 Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n’obwakabaka bwe tebulikoma.”

34 Awo Maliyamu n’abuuza malayika nti, “Ekyo kiriba kitya? Kubanga simanyi musajja.”

35 Malayika n’amuddamu nti, “Mwoyo Mutukuvu alikukkako, n’amaanyi g’Oyo Ali Waggulu Ennyo galikubuutikira, n’omwana alizaalibwa aliba mutukuvu, Omwana wa Katonda.

36 Laba, muganda wo Erisabesi eyayitibwanga omugumba, kati ali lubuto lwa myezi mukaaga mu bukadde bwe.

37 Kubanga buli kigambo kiyinzika eri Katonda.”

38 Maliyamu n’addamu nti, “Nze ndi muweereza wa Mukama, kibe ku nze nga bw’ogambye.” Malayika n’ava w’ali, n’agenda.

### *Maliyamu Akyalira Erisabesi*

39 Awo mu biro ebyo, Maliyamu n’ayanguwa okugenda mu nsi ya Buyudaaya ey’ensozi, mu kibuga kyayo.

40 N’ayingira mu nnyumba ya Zaakaliya n’alamusa Erisabesi.

41 Naye Maliyamu bwe yalamusa Erisabesi, omwana eyali mu lubuto lwa Erisabesi n’abuukabuuka era n’ajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu.

42 Erisabesi n'alyoka ayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
"Oweereddwa omukisa, ggwe mu bakazi, era n'omwana ali mu lubuto
lwo aweereddwa omukisa.
43 Nga nfunye ekitiibwa kinene ggwe nnyina wa Mukama wange okujja
okunkyalira!
44 Kubanga bw'oyingidde n'onnamusa, omwana ali mu lubuto lwange
oluwulidde ku ddoboozi lyo ne yeekyusakyusa olw'essanyu!
45 Oweereddwa omukisa bw'okkirizza nti ebintu ebyo Mukama bya
kwogeddeko birituukirizibwa."

### *Oluyimba lwa Maliyamu*

46 Maliyamu n'agamba nti,
47 "Emmeeme yange etendereza Mukama.
N'omwoyo gwange gusanyukidde Katonda omulokozi wange,
48 Kubanga alabye
obuwombeefu bw'omuweereza we.
Kubanga laba, okuva kaakano, ab'emirembe gyonna banaampitanga
eyaweebwa omukisa.
49 Kubanga Owaamaanyi ankoledde ebikulu;
N'erinnya lye ttukuvu.
50 N'okusaasira kwe kwa mirembe na mirembe
eri abo abamutya.
51 Akoze eby'amaanyi n'omukono gwe.
Asaasaanyizza ab'emitima egy'amalala.
52 Awanudde abafuzi ku ntebe zaabwe ez'obwakabaka
n'agulumiza abawombeefu.
53 Abali mu kwetaaga abakkusizza ebirungi.
Naye abagagga n'abagoba nga tabawaddeeyo kantu.
54 Adduukiridde omuweereza we Isirayiri,
n'ajjukira okusaasira,
55 nga bwe yayogera ne bajjajjaffe,
eri Ibulayimu n'ezzadde lye emirembe gyonna."
56 Maliyamu n'amala ewa Erisabesi muganda we, ng'emyezi esatu,
n'alyoka addayo ewuwe.

### *Okuzaalibwa kwa Yokaana*

57 Awo ekiseera kya Erisabesi eky'okuzaala ne kituuka, n'azaala
omwana wabulenzi.
58 Baliraanwa ba Erisabesi n'ab'ekika kye ne bawulira nga Mukama
bw'amulaze ekisa, ne basanyukira wamu naye.
59 Awo omwana bwe yaweza ennaku omunaana, ne bajja okumukomola,
bonna nga balowooza nti ajja kutuumibwa erinnya lya kitaawe Zaakaliya.
60 Naye Erisabesi n'abagamba nti, "Nedda, ajja kutuumibwa Yokaana."
61 Ne bamuwakanya nga bagamba nti, "Mu kika kyo kyonna tetuwuli-
rangayo yatuumibwa linnya eryo."
62 Ne babuuza kitaawe w'omwana erinnya ly'ayagala atuumibwe.
63 N'abasaba eky'okuwandiikako, n'awandiikako nti, "Erinnya lye ye
Yokaana!" Bonna ne beewuunya nnyo!
64 Amangwago akamwa ka Zaakaliya ne kagguka, n'olulimi lwe ne
lusumulukuka, n'atandika okwogera n'okutendereza Katonda.
65 Abantu bonna ab'omu kitundu ekyo ne batya nnyo, era ebigambo
ebyo ne bibuna mu nsi yonna ey'e Buyudaaya ey'ensozi.

[66] Buli eyawulira ebigambo ebyo n'abirowoozaako nnyo mu mutima gwe, ne yeebuuza nti, "Naye omwana ono bw'alikula aliba atya?" Kubanga awatali kubuusabuusa, omukono gwa Mukama gwali wamu naye.

*Oluyimba lwa Zaakaliya*

[67] Awo Zaakaliya kitaawe, n'ajjula Mwoyo Mutukuvu n'awa obunnabbi nti,

[68] "Atenderezebwe Mukama Katonda wa Isirayiri,
kubanga akyalidde abantu be, era abanunudde.
[69] Yatuyimusiriza obuyinza obw'obulokozi,
mu nnyumba y'omuddu we Dawudi.
[70] Nga bwe yasuubiriza mu bigambo bya bannabbi be abatukuvu ab'edda ennyo,
[71] Okulokolebwa mu balabe baffe,
n'okuva mu mukono gw'abo bonna abatukyawa,
[72] okulaga bajjajjaffe ekisa,
n'ajjukira n'endagaano ye entukuvu,
[73] ekirayiro kye yalayirira jjajjaffe Ibulayimu,
[74] okukituukiriza, n'okulokolebwa okuva mu mukono gw'abalabe baffe awatali kutya,
tulyoke tuweereze mu maaso ge,
[75] mu butukuvu ne mu butuukirivu ennaku zonna ez'obulamu bwaffe.

[76] "Naawe, mwana wange, oliyitibwa nnabbi w'Oyo Ali Waggulu Ennyo;
kubanga gw'olikulembera Mukama okumuteekerateekera amakubo ge.
[77] Okumanyisa abantu be obulokozi,
obw'okusonyiyibwa ebibi byabwe.
[78] Byonna birituukirira olw'ekisa kya Katonda waffe ekingi.
Emmambya esala eritukyalira okuva mu ggulu,
[79] okwakira abo abatudde mu kizikiza
ne mu kisiikirize eky'okufa,
okuluŋŋamya ebigere byaffe mu kkubo ery'emirembe."

[80] Omwana n'akula n'ayongerwako amaanyi mu mwoyo, n'abeera mu malungu okutuusa ku lunaku lwe yayolesebwa eri Isirayiri.

# 2

*Okuzaalibwa kwa Yesu*

[1] Awo olwatuuka mu biseera ebyo, Kayisaali Agusito n'ayisa etteeka abantu bonna beewandiisa.

[2] Okubala kuno kwe kwasooka okubaawo ku mulembe gwa Kuleniyo nga ye gavana w'Obusuuli*.

[3] Bonna ne bagenda okwewandiisa, buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe.

[4] Awo Yusufu n'ava e Nazaaleesi eky'e Ggaliraaya, n'agenda mu kibuga kya Dawudi ekiyitibwa Besirekemu eky'e Buyudaaya, kubanga yali wa mu kika kya Dawudi,

[5] yeewandiise ne Maliyamu eyali olubuto, oyo gwe yali ayogereza.

---

* **2:2** Obusuuli ye Siriya mu biro bya kaakano

6 Naye bwe baali bali eyo ekiseera kya Maliyamu eky'okuzaala ne kituuka.
7 N'azaala omwana we omubereberye omulenzi, n'amubikka mu bugoye, n'amuzazika mu lutiba ente mwe ziriira, kubanga tebaafuna kifo mu nnyumba y'abagenyi.
8 Mu kiro ekyo waaliwo abasumba abaali mu kitundu ekyo kye kimu ku ttale nga bakuuma endiga zaabwe.
9 Awo malayika wa Mukama n'abalabikira, ne waakaayakana n'ekitiibwa kya Mukama, ne batya nnyo.
10 Malayika n'abagumya nti, "Temutya, kubanga mbaleetedde amawulire amalungi ag'essanyu eringi, era nga ga bantu bonna.
11 Kubanga Omulokozi, ye Kristo Mukama waffe azaaliddwa leero mu kibuga kya Dawudi.
12 Ku kino kwe munaamutegeerera: Mujja kulaba omwana omuwere, ng'abikkiddwa mu ngoye, ng'azazikiddwa mu lutiba lw'ente."
13 Amangwago eggye lya bamalayika ab'omu ggulu ne beegatta ne malayika oyo ne batendereza Katonda nga bagamba nti,
14 "Ekitiibwa kibe eri Katonda Ali Waggulu ennyo.
N'emirembe gibe mu nsi eri abantu Katonda b'asiima."
15 Awo bamalayika bwe baamala okuddayo mu ggulu, abasumba ne bateesa nti, "Tugende e Besirekemu tulabe kino ekibaddewo, Mukama ky'atutegeezezza."
16 Ne bayanguwa ne bagenda, ne balaba Maliyamu ne Yusufu, n'omwana omuwere ng'azazikiddwa mu lutiba lw'ente.
17 Awo abasumba ne bategeeza bye baalabye, n'ebya bategeezeddwa ebikwata ku mwana oyo.
18 Bonna abaawulira ebigambo by'abasumba ne beewuunya nnyo.
19 Naye Maliyamu n'akuumanga ebigambo ebyo mu mutima gwe era ng'abirowoozaako nnyo.
20 Awo abasumba ne baddayo gye balundira ebisibo byabwe, nga bagulumiza era nga batendereza Katonda, olw'ebyo byonna bye baawulira era ne bye baalaba nga bwe baali bategeezeddwa.

### *Yesu Atwalibwa mu Yeekaalu*

21 Olunaku olw'omunaana olw'okukomolerwako bwe lwatuuka, n'atuumibwa erinnya *Yesu*, malayika lye yayogera nga Yesu tannaba kuba mu lubuto lwa nnyina.
22 Awo ekiseera bwe kyatuuka Maliyamu okugenda mu Yeekaalu atukuzibwe, ng'amateeka ga Musa bwe galagira ne batwala Yesu e Yerusaalemi okumuwaayo eri Mukama.
23 Kubanga mu mateeka ago, Katonda yalagira nti, "Omwana omubereberye bw'anaabanga omulenzi, anaaweebwangayo eri Mukama."
24 Era mu kiseera kye kimu bakadde ba Yesu ne bawaayo ssaddaaka amateeka nga bwe galagira okuwaayo amayiba abiri oba enjiibwa bbiri.
25 Ku lunaku olwo, waaliwo omusajja erinnya lye Simyoni, eyabeeranga mu Yerusaalemi, nga mutuukirivu, ng'atya Katonda, era ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, ng'alindirira okusanyusibwa kwa Isirayiri.
26 Kubanga yali abikkuliddwa Mwoyo Mutukuvu nti tagenda kufa nga tannalaba ku Kristo, Omulokozi.
27 Mwoyo Mutukuvu n'amuluŋŋamya okujja mu Yeekaalu. Maliyamu ne Yusufu bwe baaleeta Omwana Yesu okumuwaayo eri Mukama ng'amateeka bwe galagira, ne Simyoni naye yaliwo.

28 Simyoni n'ajja n'asitula Omwana mu mikono gye, n'atendereza
Katonda ng'agamba nti,
29 "Mukama wange, kaakano osiibule omuweereza wo mirembe,
ng'ekigambo kyo bwe kigamba.
30 Kubanga amaaso gange galabye Obulokozi bwo,
31 bwe wateekateeka mu maaso g'abantu bonna,
32 okuba Omusana ogw'okwakira amawanga.
N'okuleetera abantu bo Abayisirayiri ekitiibwa!"
33 Kitaawe w'omwana ne nnyina ne beewuunya ebigambo ebyayogerwa
ku Yesu.
34 Awo Simyoni n'abasabira omukisa. N'alyoka n'agamba Maliyamu nti,
"Omwana ono bangi mu Isirayiri tebagenda kumukkiriza, era alireetera
bangi okugwa n'abalala ne bayimusibwa.
35 Era naawe ennaku eri ng'ekitala erikufumita omutima, n'ebirowoozo
by'omu mitima gy'abantu birimanyibwa."
36 Waaliwo nnabbi omukazi, ayitibwa Ana, muwala wa Fanweri,
ow'omu kika kya Aseri, era nga mukadde nnyo, eyafumbirwa nga muwala
muto n'amala ne bba emyaka musanvu gyokka, bba n'afa,
37 n'asigala nga nnamwandu. Mu kiseera kino yali yaakamala emyaka
kinaana mu ena, era teyavanga mu Yeekaalu ng'asiiba n'okwegayiriranga
Katonda emisana n'ekiro.
38 Awo Ana mu kiseera ekyo yali ayimiridde okumpi ne Maliyamu ne
Yusufu, naye n'atandika okutendereza Katonda ng'amwogerako eri abo
bonna abaali balindirira okununulibwa kwa Yerusaalemi.
39 Awo bakadde ba Yesu bwe baamala okutuukiriza byonna ng'amateeka
ga Mukama bwe galagira, ne baddayo e Nazaaleesi eky'omu Ggaliraaya.
40 Omwana n'akula, n'aba w'amaanyi, n'ajjuzibwa amagezi n'ekisa kya
Katonda kyali ku ye.
41 Bakadde ba Yesu buli mwaka bagendanga mu Yerusaalemi ku Mbaga
y'Okuyitako.
42 Awo Yesu bwe yaweza emyaka kkumi n'ebiri egy'obukulu
n'ayambuka e Yerusaalemi ne bakadde be ku mbaga, nga empisa yaabwe
bwe yali.
43 Awo embaga ng'ewedde, ne bakyusa okuddayo ewaabwe, naye omu-
lenzi Yesu n'asigala mu Yerusaalemi, naye bazadde be ne batakimanya.
44 Kubanga baalowooza nti ali ne bannaabwe mu kibiina ekirala, ekiro
ekyo bwe bataamulaba, ne bamunoonya mu kibiina omwali baganda
baabwe ne mikwano gyabwe.
45 Bwe bataamulaba kwe kuddayo e Yerusaalemi nga bamunoonya.
46 Awo nga baakamunoonyeza ennaku ssatu, ne bamusanga ng'atudde
mu Yeekaalu n'abannyonnyozi b'amateeka ng'abawuliriza awamu
n'okubabuuza ebibuuzo.
47 Bonna abaali bamuwuliriza ne beewuunya nnyo olw'amagezi ge
n'okuddamu kwe.
48 Awo bazadde be bwe baamulaba ne beewuunya nnyo, nnyina
n'amugamba nti, "Mwana waffe otukoze ki kino? Kitaawo nange
tweraliikiridde nnyo nga tukunoonya!"
49 Yesu n'abaddamu nti, "Mubadde munnoonyeza ki? Temwategedde
nga kiŋŋwanidde okukola ebintu bya Kitange?"
50 Naye ne batategeera bigambo ebyo bye yabagamba.
51 N'asituka n'agenda nabo e Nazaaleesi, n'abagonderanga; kyokka
nnyina ebigambo ebyo byonna n'abikuuma mu mutima gwe.

52 Awo Yesu n’akula mu mubiri, mu magezi, era n’alaba ekisa mu maaso ga Katonda ne mu maaso g’abantu.

# 3

*Yokaana Omubatiza Alongoosa Ekkubo*

1 Awo mu mwaka ogw’ekkumi n’ettaano ogw’okufuga kwa Kayisaali Tiberiyo, Pontiyo Piraato bwe yali nga ye gavana wa Buyudaaya, Kerode nga y’afuga Ggaliraaya, muganda we Firipo nga y’afuga Italiya ne Tirakoniti, ne Lusaniya nga y’afuga Abireene,

2 Ana ne Kayaafa nga be Bakabona Abasinga Obukulu, Yokaana, mutabani wa Zaakaliya ng’ali mu ddungu, n’afuna obubaka obuva eri Katonda.

3 Yokaana n’atambulanga ng’agenda abuulira mu bitundu ebyetoolodde Yoludaani, ng’ategeeza abantu obubaka obw’okubatizibwa obw’okwenenya olw’okusonyiyibwa ebibi,

4 nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo eky’ebigambo bya nnabbi Isaaya nti,

“Eddoboozi ly’oyo ayogerera mu ddungu nti,
Mulongoose ekkubo lya Mukama,
Muluŋŋamye amakubo ge;
5 Buli kiwonvu kirijjuzibwa,
na buli lusozi n’akasozi birisendebwa,
na buli ekyakyama kirigololwa,
n’obukubo obulimu obugulumugulumu bulifuuka enguudo ez’omuseetwe.
6 Abalina omubiri bonna baliraba obulokozi bwa Katonda.”

7 Kyeyava agamba abantu abajjanga gy’ali okubatizibwa nti, “Mmwe abaana b’emisota, ani eyabalabula okudduka obusungu obugenda okujja?

8 Kale mubale ebibala ebiraga nga mwenenyezza, so temwogera munda zammwe nti tulina jjajjaffe Ibulayimu. Kubanga mbagamba nti Katonda asobola, mu mayinja gano, okuggyiramu Ibulayimu abazzukulu.

9 Ne kaakano embazzi eteekeddwa ku kikolo ky’emiti. Noolwekyo buli muti ogutabala bibala birungi gujja kutemebwawo gusuulibwe mu muliro.”

10 Ekibiina ne kimumubuuza nti, “Kale tukole ki?”

11 Yokaana n’abaddamu ng’agamba nti, “Alina ekkooti ebbiri, emu agigabire atalina, n’oyo alina emmere aweeko oyo atalina kyakulya.”

12 Awo abasolooza b’omusolo nabo, ne bajja babatizibwe. Ne babuuza Yokaana nti, “Omuyigiriza tukole ki?”

13 Yokaana n’abaddamu nti, “Temusoloozanga muwendo gusukka ku ogwo ogwalagibwa.”

14 Abaserikale nabo ne babuuza Yokaana nti, “Ate ffe, tukole tutya?”

Yokaana n’abagamba nti, “Temuggyangako bantu nsimbi zaabwe. So temubawaayirizanga, n’empeera ebaweebwa ebamalenga.”

15 Abantu baali balindirira nga basuubira, era nga buli muntu yeebuuza obanga Yokaana ye Kristo.

16 Yokaana n’addamu bonna ng’agamba nti, “Nze mbabatiza na mazzi, naye waliwo ajja, alina obuyinza okunsinga, n’okusaanira sisaanira na kusumulula lukoba lwa ngatto ze. Oyo alibabatiza n’omuliro ne Mwoyo Mutukuvu;

17 n'olugali luli mu mukono gwe okulongoosa egguuliro lye
n'okukuŋŋaanyiza eŋŋaano mu tterekero lye, naye ebisusunku alibyokya
n'omuliro ogutazikira."
18 Yokaana n'abuulirira abantu ebigambo bingi ebirala, nga
bw'ababuulira Enjiri.
19 Naye Yokaana bwe yanenya Kerode, omufuzi, olw'okutwala Kerodiya
eyali muka muganda we, n'olw'ebibi ebirala Kerode bye yali akoze,
20 ate ku ebyo byonna Kerode n'ayongerako na kino: n'akwata Yokaana
n'amuggalira mu kkomera.

### *Okubatizibwa kwa Yesu*

21 Olunaku lumu, abantu bonna abaaliwo nga babatizibwa, ne Yesu
n'abatizibwa. Yesu n'asaba, eggulu ne libikkuka,
22 Mwoyo Mutukuvu n'amukkako mu kifaananyi eky'ejjiba. Eddoboozi
ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ggwe Mwana wange omwagalwa gwe
nsanyukira ennyo."

### *Olulyo lwa Yesu*

23 Yesu yali awezezza emyaka ng'amakumi asatu bwe yatandika
omulimu gwe. Yesu nga bwe kyalowoozebwa, yali mwana wa Yusufu:

ne Yusufu nga mwana wa Eri,
24 Eri nga mwana wa Mattati,
ne Mattati nga mwana wa Leevi, ne Leevi nga mwana wa Mereki,
ne Mereki nga mwana wa Yanayi, ne Yanayi nga mwana wa Yusufu,
25 ne Yusufu nga mwana wa Mattasiya, ne Mattasiya nga mwana wa Amosi,
ne Amosi nga mwana wa Nakkumu, ne Nakkumu nga mwana wa Esuli,
ne Esuli nga mwana wa Naggayi,
26 ne Naggayi nga mwana wa Maasi,
ne Maasi nga mwana wa Mattasiya, ne Mattasiya nga mwana wa Semeyini,
ne Semeyini nga mwana wa Yoseki, ne Yoseki nga mwana wa Yoda,
27 ne Yoda nga mwana wa Yokanaani, ne Yokanaani nga mwana wa Lesa,
ne Lesa nga mwana wa Zerubbaberi, ne Zerubbaberi nga mwana wa Seyalutyeri,
ne Seyalutyeri nga mwana wa Neeri,
28 ne Neeri nga mwana wa Mereki,
ne Mereki nga mwana wa Addi, ne Addi nga mwana wa Kosamu,
ne Kosamu nga mwana wa Erumadamu, ne Erumadamu nga mwana wa Eri,
29 ne Eri nga mwana wa Yoswa, ne Yoswa nga mwana wa Eryeza,
ne Eryeza nga mwana wa Yolimu, ne Yolimu nga mwana wa Mattati,
ne Mattati nga mwana wa Leevi,
30 ne Leevi nga mwana wa Simyoni, ne Simyoni nga mwana wa Yuda,
ne Yuda nga mwana wa Yusufu, ne Yusufu nga mwana wa Yonamu,
ne Yonamu nga mwana wa Eriyakimu,
31 ne Eriyakimu nga mwana wa Mereya, ne Mereya nga mwana wa Menna,
ne Menna nga mwana wa Mattasa, ne Mattasa nga mwana wa Nasani,
ne Nasani nga mwana wa Dawudi,
32 ne Dawudi nga mwana wa Yese,
ne Yese nga mwana wa Obedi, ne Obedi nga mwana wa Bowaazi,

ne Bowaazi nga mwana wa Salumooni, ne Salumooni nga mwana wa Nakusoni,
33 ne Nakusoni nga mwana wa Amminadaabu, ne Aminadaabu nga mwana wa Aluni,
ne Aluni nga mwana wa Kezulooni, ne Kezulooni nga mwana wa Pereezi,
ne Pereezi nga mwana wa Yuda,
34 ne Yuda nga mwana wa Yakobo,
ne Yakobo nga mwana wa Isaaka, ne Isaaka nga mwana wa Ibulayimu,
ne Ibulayimu nga mwana wa Teera, ne Teera nga mwana wa Nakoli,
35 ne Nakoli nga mwana wa Serugi, ne Serugi nga mwana wa Lewu,
ne Lewu nga mwana wa Peregi, ne Peregi nga mwana wa Eberi,
ne Eberi nga mwana wa Seera,
36 ne Sera nga mwana wa Kayinaani,
ne Kayinaani nga mwana wa Alupakusaadi, ne Alupakusaadi nga mwana wa Seemu,
ne Seemu nga mwana wa Nuuwa, ne Nuuwa nga mwana wa Lameka,
37 ne Lameka nga mwana wa Mesuseera, ne Mesuseera nga mwana wa Enoki,
ne Enoki nga mwana wa Yaledi, ne Yaledi nga mwana wa Makalaleri,
ne Makalaleri nga mwana wa Kayinaani,
38 ne Kayinaani nga mwana wa Enosi,
ne Enosi nga mwana wa Seezi, ne Seezi nga mwana wa Adamu,
ne Adamu nga mwana wa Katonda.

# 4

*Okukemebwa kwa Yesu*

1 Awo Yesu, ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'avaayo ku mugga Yoludaani, Omwoyo n'amutwala mu ddungu,
2 n'akemebwa Setaani okumala ennaku amakumi ana. Ebbanga eryo lyonna yalimala nga talidde ku mmere, bwe lyaggwaako enjala n'emuluma.
3 Setaani n'agamba Yesu nti, "Obanga oli, Mwana wa Katonda, gamba ejjinja lino lifuuke emmere."
4 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka.' "
5 Awo Setaani n'amulinnyisa waggulu, mu kaseera katono n'amulaga obwakabaka bwonna obw'omu nsi.
6 Setaani n'amugamba nti, "Nzija kukuwa obuyinza ku obwo bwonna n'ekitiibwa kyabwo, kubanga bwonna bwa mpeebwa era nnyinza okubuwa omuntu yenna gwe njagala.
7 Bw'onoofukamira n'onsinza byonna ebyo bijja kuba bibyo."
8 Naye Yesu n'addamu nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Osinzanga Mukama Katonda wo, era gw'oweerezanga yekka.' "
9 Ate Setaani n'amutwala mu Yerusaalemi, n'amulinnyisa waggulu ku kasolya ka Yeekaalu awasingira ddala obutumbiivu, n'amugamba nti, "Obanga oli Mwana wa Katonda, buuka weesuule wansi.
10 Kubanga kyawandiikibwa nti,
" 'Katonda aliragira bamalayika be
bakukuume.
11 Era balikuwanirira mu mikono gyabwe,
oleme okwerumya nga weekonye ekigere kyo ku jjinja.' "

12 Yesu n'addamu nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Tokemanga Mukama
Katonda wo.' "
13 Awo Setaani bwe yamaliriza okukema Yesu mu buli ngeri yonna,
n'amuviira okutuusa ekiseera ekirala.

### *Yesu Atandika Omulimu gwe mu Ggaliraaya*

14 Awo Yesu n'akomawo mu Ggaliraaya ng'ajjudde amaanyi aga Mwoyo
Mutukuvu, n'ayogerwako mu bitundu byonna ebyetoolodde mu byalo.
15 N'ayigirizanga mu makuŋŋaaniro gaabwe, era bonna ne bamutendereza.
16 Bwe yatuuka e Nazaaleesi, ekibuga mwe yakulira, n'agenda mu
kkuŋŋaaniro ku Ssabbiiti, nga bwe yali empisa ye. N'ayimuka okusoma.
17 Ne bamuwa ekitabo kya nnabbi Isaaya, n'abikkula omuzingo
gw'empapula n'alaba awagamba nti,
18 "Omwoyo wa Mukama ali ku nze.
Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri.
Antumye okubuulira abasibe okuteebwa,
n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe,
n'abanyigirizibwa okufuna eddembe,
19 n'okulangirira ekiseera kya Mukama eky'okulagiramu ekisa kye."
20 N'azingako omuzingo n'aguddiza omuweereza, n'atuula. Abantu
bonna mu kkuŋŋaaniro ne bamusimba amaaso.
21 N'atandika okubategeeza nti, "Olwa leero, Ebyawandiikibwa bino bye
muwulidde bituukiridde!"
22 Bonna abaaliwo ne bamutenda nga beewuunya ebigambo bye ebyekisa
ebyava mu kamwa ke, nga bwe beebuuza nti, "Ono si ye mutabani wa
Yusufu?"
23 Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala muliyinza n'okuŋŋamba mu
lugero luno nti, 'Omusawo, weewonye,' nga mugamba nti, 'Buli kye
twawulira mu Kaperunawumu, kikolere na wano mu kyalo kyo.' "
24 Naye n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Tewali nnabbi
ayanirizibwa mu kyalo ky'ewaabwe!
25 Naye mazima mbagamba nti, waaliwo bannamwandu bangi mu
biseera bya nnabbi Eriya, mu Isirayiri enkuba bwe yamala emyaka esatu
n'ekitundu nga tetonnya, n'enjala n'egwa mu nsi yonna.
26 Naye nnabbi Eriya teyatumibwa eri omu ku bannamwandu abo,
wabula yatumibwa eri nnamwandu ow'e Zalefaasi mu Sidoni.
27 Ne mu biseera bya nnabbi Erisa waaliwo abagenge* bangi mu Isirayiri,
naye tewali n'omu ku bo eyalongoosebwa okuggyako Naamani Omusuuli."
28 Bonna abaali mu kuŋŋaaniro ne bakwatibwa obusungu olw'ebigambo
ebyo,
29 ne basituka, ne bamusindiikiriza okumutuusa ebweru w'ekibuga ku
bbangabanga ly'olusozi ekibuga kyabwe kwe kyazimbibwa, bamusindike
agwe eri wansi.
30 Naye n'abayitamu wakati ne yeetambulira.

### *Yesu Agoba Dayimooni*

31 Awo Yesu n'alaga e Kaperunawumu, ekibuga eky'e Ggaliraaya
n'abayigirizanga ku nnaku eza Ssabbiiti.
32 Ne beewuunya nnyo okuyigiriza kwe. Kubanga yayogeranga nga
nnannyini buyinza.

---

* **4:27** kiyinza okuba endwadde endala ez'olususu

33 Mu kkuŋŋaaniro, mwalimu omusajja eyaliko ddayimooni n'atandika okuwowoggana nti,

34 "Woowe! Otulanga ki, ggwe Yesu ow'e Nazaaleesi? Ozze kutuzikiriza? Nze nkumanyi, ggwe mutukuvu wa Katonda."

35 Yesu n'amuboggolera ng'agamba nti, "Sirika! Muveeko!" Awo dayimooni n'asuula eri omusajja wansi wakati mu bantu, n'amuvaako nga tamulumizza.

36 Buli muntu n'atya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, "Kigambo ki kino? Kubanga alagira n'obuyinza n'amaanyi emyoyo emibi ne giva mu muntu, ekireetera ne dayimooni okumugondera."

37 Amawulire agakwata ku Yesu ne gabuna mu kitundu ekyo kyonna ekyetoolodde awo.

### *Yesu Awonya Abalwadde Bangi*

38 Awo Yesu bwe yava mu kkuŋŋaaniro, n'alaga mu maka ga Simooni. Yasanga nnyina mukazi wa Simooni omusujja gumuluma nnyo, abantu ne bamwegayiririra ku lulwe.

39 Yesu n'ayimirira okumpi n'omulwadde we yali, n'alagira omusujja gumuwoneko, amangwago omulwadde n'awona, n'asituka n'abaweereza!

40 Obudde bwe bwali buwungeera, abantu bonna abaalina abalwadde ab'endwadde eza buli ngeri, ne babaleeta eri Yesu, n'abassaako emikono buli omu n'amuwonya.

41 Abamu baaliko baddayimooni, Yesu n'abalagira ne bava ku balwadde nga bwe baleekaana nti, "Ggwe Mwana wa Katonda." Naye kubanga baamumanya nga ye Kristo, n'atabaganya kukyogerako.

42 Bwe bwakya Yesu n'alaga mu kifo etali bantu. Ekibiina ky'abantu ne bamunoonya, okutuusa lwe baamulaba ne balaga gy'ali ne bamwegayirira aleme kubavaako.

43 Naye n'abaddamu nti, "Kinsaanira okubuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ne mu bifo ebirala kubanga eyo y'ensonga kyenava ntumibwa."

44 Yesu ne yeeyongera okubuulira mu makuŋŋaaniro gaabwe mu Buyudaaya.

# 5

### *Abayigirizwa Abaasooka*

1 Awo Yesu yali ayimiridde ku lubalama lw'ennyanja y'e Genesaleeti* ng'ayigiriza, ebibiina nga bamunyigiriza nga bawuliriza ekigambo kya Katonda,

2 n'alengera amaato abiri ameereere nga gali kumpi n'olukalu, nga bannannyinigo abavubi, bagalese awo, nga bayoza obutimba bwabwe.

3 Yesu n'alinnya mu lyato erimu eryali erya Simooni, n'amusaba alisembezeeko katono mu nnyanja, n'alituulamu, asinziire omwo okuyigiriza ebibiina.

4 Bwe yamala okuyigiriza n'agamba Simooni nti, "Kale kaakano sembeza eryato lyo ebuziba, mu mazzi amangi, musuule obutimba bwammwe mu nnyanja, mujja kukwasa ebyennyanja bingi!"

5 Simooni n'addamu nti, "Mukama waffe, twateganye dda ekiro kyonna, naye ne tutakwasa kantu. Naye ggwe nga bw'otugambye, nzija kusuula obutimba."

---

* **5:1** ye Nnyanja ey'e Ggaliraaya

6 Awo bwe baakola bwe batyo, obutimba bwabwe bwajjula ebyennyanja,
ne butandika n'okukutuka.
7 Ne bawenya ku bannaabwe abaali mu lyato liri eddala bajje
babayambe, ne bajja, amaato gombi ne gajjula ebyennyanja, ne gajula
n'okusaanawo.
8 Awo Simooni Peetero bwe yakiraba, n'afukamira mu maaso ga Yesu
n'amugamba nti, "Mukama wange, nkwegayiridde ndeka, kubanga ndi
mwonoonyi nnyo."
9 Kubanga obungi bw'ebyennyanja bye baakwasa bwa muwuniikirizza
nnyo awamu ne banne bwe baavubanga,
10 Yakobo ne Yokaana abaana ba Zebbedaayo.
Yesu n'amuddamu nti, "Totya! Okuva kaakano ojjanga kuvuba myoyo
gya bantu."
11 Amaato gaabwe olwagoba ku lubalama ne baleka awo byonna ne
bagenda naye.

### *Yesu Awonya Omusajja Omugenge*

12 Mu kibuga Yesu mwe yali akyadde mwalimu omusajja eyali alwadde
ebigenge. Bwe yalaba Yesu n'avuunama mu maaso ge, n'amwegayirira
nti, "Mukama wange, bw'oba ng'oyagala, oyinza okunnongoosa."
13 Yesu n'agolola omukono gwe n'amukwatako, ng'agamba nti, "Njagala,
longooka." Amangwago ebigenge by'omusajja ne bimuwonako.
14 Yesu n'alagira omusajja nti, "Tobaako muntu n'omu gw'ogamba, naye
genda weeyanjule eri kabona oweeyo ekiweebwayo olw'okulongosebwa
nga Musa bwe yalagira, kibeere obujulirwa gye bali."
15 Naye ne yeeyongera bweyongezi okubunya ettutumu ly'obuyinza bwa
Yesu era ebibiina binene ne bikuŋŋaana okumuwulira n'okuwonyezebwa
endwadde zaabwe.
16 Naye bwe yasalangawo akabanga, ne yeeyawula n'alagako mu bifo
eteri bantu, okusaba.

### *Yesu Awonya Akoozimbye*

17 Lwali lumu Yesu yali ayigiriza abakulembeze b'Abayudaaya,
n'abannyonnyozi b'amateeka nabo nga batudde awo, abaali bavudde mu
buli kyalo eky'e Ggaliraaya ne Buyudaaya era n'e Yerusaalemi. Amaanyi
ga Mukama gaali ku ye okuwonya.
18 Awo abasajja ne bajja nga basitudde omusajja ku katanda eyali
akoozimbye. Ne bagezaako okumuyingiza okumuleeta Yesu we yali.
19 Naye bwe bataasobola kumuyingiza olw'ekibiina ekinene ne balinnya
waggulu ku kasolya, ne baggyawo ku mategula ne bayisaamu omulwadde
ne bamussa ng'agalamidde ku katanda ke ne baamutereereza ddala mu
maaso ga Yesu.
20 Awo Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba omusajja
akoozimbye nti, "Omusajja, ebibi byo bikusonyiyiddwa."
21 Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka ne beebuuzaganya nti,
"Ono ye ani avvoola! Ani ayinza okusonyiwa ebibi wabula Katonda
yekka?"
22 Nate Yesu bwe yamanya ebirowoozo byabwe, n'ababuuza nti, "Lwaki
mulowooza bwe mutyo mu mutima gwammwe?
23 Ekyangu kye kiri wa? Okwogera nti ebibi byo bikusonyiyiddwa oba
nti situka otambule?
24 Naye mulyoke mutegeere nti, Omwana w'Omuntu alina obuyinza ku
nsi okusonyiwa ebibi." N'agamba eyali akozimbye nti, "Situka, ositule
akatanda ko, weddireyo ewuwo."

[25] Amangwago omusajja n'asituka n'asitula akatanda kwe yali agalamidde, n'addayo ewuwe ng'agulumiza Katonda.
[26] Abantu bonna ne bajjula encukwe. Ne bagulumiza Katonda nga bajjudde entiisa nga boogera nti, "Tulabye ebyewuunyisa leero."

*Yesu Ayita Leevi*

[27] Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'avaayo n'alaba omusolooza w'omusolo, erinnya lye Leevi ng'atudde omusolo we gukuŋŋaanyizibwa, n'amugamba nti, "Ngoberera."
[28] Leevi n'aleka awo byonna, n'asitukiramu n'amugoberera.
[29] Awo Leevi n'afumbira Yesu ekijjulo eky'amaanyi mu maka ge. Waaliwo abasolooza banne ab'omusolo bangi, n'abantu abalala bangi, abaali ku kijjulo ekyo.
[30] Naye Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka ne beemulugunya, olw'abayigirizwa be nga bagamba nti, "Lwaki mulya era ne munywa n'abasolooza b'omusolo n'abalina ebibi?"
[31] Yesu n'abaanukula nti, "Abalwadde be beetaaga omusawo, so si abo abatali balwadde.
[32] Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi okwenenya."
[33] Kyokka ne bamugamba nti, "Abayigirizwa ba Yokaana batera okusiiba n'okusaba. N'abayigirizwa b'Abafalisaayo nabo bwe batyo. Naye ababo balya ne banywa."
[34] Naye Yesu n'abagamba nti, "Abagenyi bayinza okusiiba ng'awasizza omugole akyali nabo?
[35] Naye ekiseera kijja, awasizza omugole ng'abaggiddwako olwo ne balyoka basiiba."
[36] Awo Yesu n'abagerera olugero nti, "Tewali ayuza kiwero mu lugoye oluggya alyoke azibise ekituli mu lugoye olukadde. Bw'akikola, ekiwero ekiggya kiyuza olukadde, n'ekiwero ekiggya tekijja kugendera wamu na lugoye olukadde.
[37] Era tewali ateeka wayini omusu mu nsawo enkadde ez'amaliba ga wayini, kubanga wayini omusu ajja kuziyuza ayiike.
[38] Naye wayini omusu ateekebwa mu nsawo za maliba empya.
[39] Era tewali anywa ku wayini omukadde ate ayagala okunywa ku wayini omusu. Kubanga agamba nti, 'Omukadde ye asinga omusu.' "

# 6

*Yesu ye Mukama wa Ssabbiiti*

[1] Awo ku lunaku lumu olwa Ssabbiiti, Yesu n'abayigirizwa be bwe baali bayita mu nnimiro y'emmere ey'empeke, abayigirizwa be ne banoga ku birimba by'emmere ey'empeke ne babikunya mu ngalo zaabwe, ne balya.
[2] Naye Abafalisaayo abamu ne bagamba nti, "Lwaki mukola ekitakkirizibwa ku Ssabbiiti?"
[3] Yesu n'abaddamu nti, "Temusomanga ku Dawudi kye yakola, enjala bwe yamuluma n'abo be yali nabo?
[4] Yayingira mu nnyumba ya Katonda, n'addira emigaati egy'okulaga, n'atoola n'alyako, n'awaako ne be yali nabo ne balya so ng'ekyo kyali tekikkirizibwa muntu yenna okuggyako bakabona."
[5] N'abagamba nti, "Omwana w'Omuntu, ye Mukama wa Ssabbiiti."

*Yesu Awonya Omusajja ow'Omukono Ogukaze*

6 Ku lunaku lwa Ssabbiiti olulala Yesu yali ng'ayigiriza mu kkuŋŋaaniro
nga mulimu n'omusajja eyalina omukono ogukaze.
7 Abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne bamusimbako amaaso
okulaba obanga anaawonya ku Ssabbiiti, babeeko n'ekintu kye baneek-
wasa bamuvunaane omusango.
8 Naye Yesu n'ategeera ebirowoozo byabwe. N'agamba omusajja
eyalina omukono ogukaze nti, "Situka oyimirire wakati wano." N'asituka
n'ayimirira.
9 Yesu n'alyoka agamba Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka nti,
"Muleke mbabuuze; Kirungi okukola ekirungi ku Ssabbiiti oba okukola
ekibi? Kirungi okuwonya obulamu oba okubuzikiriza?"
10 N'abeetoolooza amaaso kinnoomu, n'alyoka agamba omusajja nti,
"Golola omukono gwo." Omusajja n'agolola omukono gwe ne guwona.
11 Naye ne bajjula obusungu, ne boogera bokka ne bokka kye banaakola
Yesu.

*Abatume Ekkumi n'Ababiri*

12 Awo olwatuuka mu nnaku ezo, Yesu n'alinnya waggulu ku lusozi
okusaba, n'asaba ekiro kyonna eri Katonda.
13 Obudde bwe bwakya, n'ayita abayigirizwa be n'abalondako kkumi
n'ababiri, n'abafuula abatume. Amannya gaabwe ge gano:

14 Simooni, gwe yatuuma Peetero, ne Andereya, muganda wa Simooni,
ne Yakobo,
ne Yokaana,
ne Firipo,
ne Battolomaayo,
15 ne Matayo,
ne Tomasi,
ne Yakobo, omwana wa Alufaayo,
ne Simooni, ow'omu kibiina ky'obufuzi eky'Abazerote,*
16 ne Yuda, omwana wa Yakobo,
ne Yuda Isukalyoti, oluvannyuma eyamulyamu olukwe.

*Yesu Ayigiriza era Awonya*

17 Awo Yesu bwe yava ku lusozi awamu nabo, n'ayimirira wansi
w'olusozi mu lusenyi awatereevu, ekibiina kinene eky'abayigirizwa
be, n'ekibiina kinene eky'abantu abaava mu Buyudaaya yonna ne
Yerusaalemi n'ebitundu eby'oku lubalama lw'ennyanja olwa Ttuulo ne
Sidoni,
18 ne bajja okumuwuliriza n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe. Abo
abaali batawaanyizibwa emyoyo emibi ne bawonyezebwa;
19 era abantu bonna ne bafuba okumukwatako, kubanga amaanyi
agawonya gaamuvangamu nga gawonya buli muntu.
20 Awo Yesu n'atunuulira abayigirizwa be enkaliriza n'agamba nti,
"Mulina omukisa abaavu,
kubanga obwakabaka bwa Katonda bwammwe.
21 Mulina omukisa abalumwa enjala kaakano,
kubanga mulikkusibwa.
Mulina omukisa abakaaba kaakano,
kubanga muliseka.

* **6:15** Abazerote baali balwanirizi ba ddembe nga baagala eggwanga lyabwe okwefuga babeere n'Obwakabaka obwabwe

22 Mulina omukisa bwe babakyawa, ne babeewala, ne babavuma,
ne basiiga erinnya lyammwe enziro,
olw'Omwana w'Omuntu."
23 "Musanyukanga ku lunaku olwo ne mujaguza, kubanga empeera
yammwe nnene mu ggulu, kubanga ebintu ebyo bajjajjammwe baabikola
bannabbi abaabasooka.
24 "Naye zibasanze mmwe abagagga,
kubanga mufunye essanyu lyammwe erijjuvu.
25 Zibasanze mmwe abalya ne mukkuta kaakano,
kubanga mulirumwa enjala.
Zibasanze mmwe abaseka kaakano,
kubanga mulikungubaga, ne mukaaba.
26 Zibasanze mmwe abantu bonna bwe babawaana,
kubanga bwe batyo bajjajjammwe bwe baayisa bannabbi aboobulimba."
27 "Naye mmwe abampuliriza mbagamba nti: Mwagalenga abalabe
bammwe, n'ababakyawa mubayisenga bulungi.
28 Ababakolimira mubasabirenga omukisa; ababayisa obubi
mubasabirenga.
29 Omuntu bw'akukubanga oluyi ku luba olumu, omukyusizanga
n'akukuba ne ku lwokubiri! Omuntu bw'akunyagangako ekkooti yo,
n'essaati yo ogimulekeranga.
30 Omuntu yenna akusabanga omuwanga; era n'oyo akuggyangako
ebintu byo tobimusabanga kubikuddizza.
31 Kye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga
bwe mutyo."
32 "Bwe munaayagalanga abo ababaagala bokka, munaagasibwa ki?
Kubanga n'abakozi b'ebibi bwe beeyisa bwe batyo.
33 Bwe munaayisanga obulungi abo bokka ababayisa obulungi, munaagasibwa ki? Kubanga n'abakozi b'ebibi bwe bakola bwe batyo.
34 Bwe munaawolanga abo bokka be musuubira okubasasula mmwe,
munaagasibwangamu ki? Kubanga n'abakozi b'ebibi bawola bakozi ba
bibi bannaabwe, basobole okusasulwa omuwendo gwe gumu.
35 Naye mmwe mwagalenga abalabe bammwe! Mubayisenga bulungi!
Muwolenga nga temusuubira kusasulwa magoba. Bw'etyo empeera
yammwe eriba nnene era muliba baana b'oyo Ali Waggulu Ennyo.
Kubanga wa kisa eri abatasiima n'abakozi b'ebibi.
36 Mubeerenga ba kisa nga Kitammwe bw'ali ow'ekisa."

### *Okusalira Abalala Emisango*

37 "Temusalanga musango, nammwe muleme okusalirwa omusango.
Temusingisanga musango, nammwe muleme okusingibwa. Musonyiwenga era nammwe mulisonyiyibwa.
38 Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa,
ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye
mugereramu nammwe mwe muligererwa."
39 Awo Yesu n'abagerera olugero luno nti, "Ddala ddala omuzibe
w'amaaso ayinza okukulembera muzibe munne? Bombi tebajja kugwa
mu kinnya?
40 Omuyizi tasaana kusinga amuyigiriza, kyokka bw'aba
ng'atendekeddwa bulungi, buli muntu aliba ng'omusomesa we."
41 "Lwaki otunuulira akasasiro akali ku liiso lya muganda wo, naye
n'otolaba kisiki kiri ku liiso lyo?

42 Oyinza otya okugamba muganda wo nti, 'Muganda wange, leka nkuggyeko akasasiro akakuli ku liiso,' naye nga ekisiki ekiri ku liryo tokiraba? Munnanfuusi ggwe! Sooka oggyeko ekisiki ku liiso lyo, olyoke olabe bulungi olwo oggyeko akasasiro akali ku liiso lya muganda wo."
43 "Omuti omulungi tegubala bibala bibi, so n'omuti omubi tegubala bibala birungi.
44 Buli muti gutegeererwa ku bibala byagwo. Abantu tebanoga ttiini ku busaana so tebanoga mizabbibu ku mweramannyo.
45 Omuntu omulungi afulumya ebirungi okuva mu mutima gwe omulungi, n'omuntu omubi afulumya ebibi okuva mu mutima gwe omubi. Kubanga akamwa koogera ku biba bijjudde mu mutima."

### *Omuzimbi omugezi n'atali mugezi*

46 "Lwaki mumpita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' so nga bye mbagamba si bye mukola?
47 Buli ajja gye ndi n'awulira ebigambo byange, n'abikola, ka mbalage bw'afaanana.
48 Afaanana ng'omuntu eyazimba ennyumba, eyasima omusingi wansi ennyo n'atuuka ku lwazi. Amataba bwe gajja, ne gajjuza omugga tegaasobola kunyeenya nnyumba eyo kubanga yazimbibwa bulungi.
49 Naye omuntu awuliriza ebigambo byange n'atabikola, afaanana n'omusajja eyazimba ennyumba ku ttaka nga tasimye musingi. Omugga bwe gwajjula, ne gwanjaala, ne gukuba ennyumba n'egwa, era n'okugwa kw'ennyumba eyo kwali kunene nnyo."

# 7

### *Okukkiriza kw'Omuserikale Omuruumi*

1 Awo Yesu bwe yamala okutegeeza abantu ebigambo ebyo byonna n'ayingira mu Kaperunawumu.
2 Mu kiseera ekyo, omukulu w'ekitongole ky'abaserikale ekikumi, yalina omuddu we gwe yali ayagala ennyo, yali mulwadde nnyo ng'ali kumpi n'okufa.
3 Omukulu w'ekitongole oyo bwe yawulira ebifa ku Yesu, n'atuma abamu ku bakulembeze b'Abayudaaya eri Yesu bamusabe ajje awonye omuddu we.
4 Bwe baatuuka eri Yesu ne bamwegayirira nnyo nga bagamba nti, "Omusajja ono asaanira okuyambibwa nga bw'akusabye,
5 kubanga ayagala nnyo eggwanga lyaffe, era ye yatuzimbira ne kkuŋŋaaniro lyaffe!"
6 Bw'atyo Yesu n'agenda nabo.
Naye Yesu bwe yali akyali mu kkubo nga tannatuuka ku nnyumba, omukulu w'ekitongole n'atuma mikwano gye eri Yesu ng'agamba nti, "Mukama wange, teweeteganya bw'otyo, kubanga nze sisaanira kukusembeza mu nju yange.
7 Era kyenavudde nnema okujja gy'oli nze nzennyini. Naye yogera bwogezi ekigambo, omuweereza wange anaawona!
8 Kubanga nange nnina abakulu abantwala, ate waliwo n'abali wansi wange be nninako obuyinza. Bwe ŋŋamba ono nti, 'Genda,' agenda, n'omulala nti, 'Jjangu,' ajja; n'omuddu wange nti, 'Kola kino,' akikola."
9 Yesu bwe yawulira ebigambo ebyo n'amwewuunya nnyo, n'akyukira ekibiina ky'abantu abaali bamugoberera n'agamba nti, "Mbagamba nti sirabanga kukkiriza kunene nga kuno, wadde mu Isirayiri."

10 Awo omukulu w'ekitongole be yatuma eri Yesu bwe baddayo mu nnyumba ye, baasanga omuddu awonye.

### *Yesu Azuukiza Mutabani wa Nnamwandu*

11 Awo ku lunaku olwaddirira, Yesu n'agenda n'abayigirizwa be n'ekibiina kinene ne kimugoberera mu kibuga ekiyitibwa Nayini.

12 Bwe yali asemberera omulyango gw'ekibuga, laba, abantu ne bafuluma mu kibuga nga beettisse omulambo gw'omuvubuka eyali mutabani w'omukazi nnamwandu, ate nga ye mwana we yekka. Ekibiina ky'abantu abaali bava mu kibuga baali bangi nnyo.

13 Awo Mukama waffe bwe yalaba nnamwandu n'amusaasira, n'amugamba nti, "Tokaaba."

14 N'asemberera essanduuko, abaali bagisitudde ne bayimirira, Yesu n'ayogera nti, "Omuvubuka, nkulagira nti ggolokoka!"

15 Eyali afudde n'atuula era n'atandika okwogera. Yesu n'amuddiza nnyina.

16 Buli omu n'ajjula entiisa, ne batendereza Katonda nga bagamba nti, "Nnabbi ow'amaanyi atulabikidde, era Katonda akyalidde abantu be."

17 Ebigambo ebyo ne bibuna Buyudaaya yonna n'okwetooloola emiriraano gyayo.

### *Yesu ne Yokaana Omubatiza*

18 Awo abayigirizwa ba Yokaana Omubatiza ne bategeeza Yokaana ebintu ebyo byonna. Yokaana n'ayita abayigirizwa be babiri,

19 n'abatuma eri Mukama waffe okumubuuza nti, "Ggwe wuuyo gwe tusuubira okujja, oba tulindirireyo omulala?"

20 Abayigirizwa ba Yokaana bwe baatuuka eri Yesu, ne bamutegeeza nti, "Yokaana Omubatiza atutumye okukubuuza nti, Ggwe wuuyo ajja oba tulindirirayo omulala?"

21 Mu kiseera ekyo Yesu n'awonya endwadde nnyingi eza buli ngeri: n'abalema, n'abaaliko emyoyo emibi, n'azibula n'abazibe b'amaaso.

22 Abaatumibwa n'abaddamu nti, "Muddeeyo eri Yokaana mumutegeeze byonna bye muwulidde ne bye mulabye. Abazibe b'amaaso bazibulwa amaaso ne balaba, n'abalema batambula, n'abagenge* balongoosebwa, n'abaggavu b'amatu gagguka ne bawulira, n'abafu bazuukizibwa, era n'abaavu babuulirwa Enjiri.

23 Era alina omukisa oyo atanneesittalako."

24 Awo ababaka ba Yokaana bwe baagenda, Yesu n'abuulira ekibiina ebikwata ku Yokaana. N'ababuuza nti, "Bwe mwagenda mu ddungu, mwagenderera kulaba ki? Olumuli olunyeenyezebwa n'empewo?

25 Naye mwagenderera kulaba ki? Omusajja ayambadde engoye ezinekaaneka? Laba abambadde engoye ezinekaaneka, nga babeera mu bulamu bwa kikungu era babeera mu mbiri.

26 Naye mwagenderera kulaba ki? Nnabbi? Weewaawo ka mbabuulire, oyo asinga ne nnabbi.

27 Y'oyo ebyawandiikibwa gwe byogerako nti,
" 'Laba, ntuma omubaka wange okukukulembera,
y'alikuteekerateekera ekkubo lyo mu maaso go.' "

28 "Mbagamba nti, mu bantu bonna abaali bazaaliddwa abakazi, tewali mukulu wa kitiibwa kukira Yokaana, naye ate oyo asembayo mu bwakabaka bwa Katonda asinga Yokaana ekitiibwa."

---

* **7:22** kiyinza okuba endwadde endala ez'olususu

29 Abantu bonna, awamu n'abasolooza b'omusolo, bwe baawulira
ebigambo bya Yesu ebyo, ne batendereza Katonda, kubanga baali baba-
tiziddwa mu kubatizibwa kwa Yokaana.
30 Naye Abafalisaayo n'abayigiriza b'amateeka ne bagaana ebyo Katonda
bye yabategekera, kubanga tebaabatizibwa Yokaana.

*Yesu Anenya ab'omu Biseera bye*

31 Awo Yesu n'abuuza nti, "Abantu ab'omulembe guno mbageraager-
anye na ki? Bafaanana batya?
32 Bafaanana ng'abaana abato abazannya emizannyo gyabwe mu katale,
nga bagambagana nti,

" 'Bwe twabafuuyira omulere,
temwazina,
Bwe twayimba oluyimba olw'okukungubaga,
temwakungubaga.'

33 Kubanga Yokaana Omubatiza bwe yajja teyalyanga mmere wadde
okunywa omwenge, ne mugamba nti, 'Aliko dayimooni!'
34 Omwana w'Omuntu azze ng'alya emmere era ng'anywa ne mugamba
nti, 'Laba wa mululu era mutamiivu, mukwano gw'abasolooza b'omusolo
n'aboonoonyi!'
35 Naye amagezi geeragira mu butuukirivu olw'abaana baago bonna."

*Omukazi Alina Ebibi Asiiga Yesu Amafuta ag'Akaloosa*

36 Awo omu ku Bafalisaayo n'ayita Yesu ku kijjulo, Yesu n'ayingira mu
nnyumba, n'atuula ku mmeeza.
37 Awo omukazi ow'omu kibuga ekyo nga mwonoonyi, eyali ategedde
nga Yesu ali mu nju eyo ey'Omufalisaayo, n'aleeta eccupa y'amafuta
ag'akaloosa.
38 N'ayimirira awali Yesu, n'akaaba, amaziga ne gatonnya ku bigere bya
Yesu ne bitoba. Omukazi n'abisiimuuza enviiri ze, era n'abinywegera;
n'abifukako amafuta ag'akaloosa.
39 Naye Omufalisaayo eyayita Yesu, ebyo bwe yabiraba, n'agamba
munda ye nti, "Singa omuntu ono abadde nnabbi, yanditegedde omukazi
amukwatako kyali era nga bw'ali omwonoonyi!"
40 Awo Yesu n'amugamba nti, "Simooni, nnina kye njagala okukubu-
ulira." Simooni n'addamu nti, "Omuyigiriza, mbuulira."
41 "Waaliwo abantu babiri, omuwozi w'ensimbi be yali abanja. Omu yali
amubanja ddinaali ebikumi bitaano, n'omulala ddinaali amakumi ataano.
42 Naye ku bombi nga tekuliiko asobola kusasula bbanja lye. Eyali
ababanja kwe kubasonyiwa. Kale, ku bombi aluwa alisinga okumwagala?"
43 Simooni n'addamu nti, "Ndowooza oyo gwe yasonyiwa ebbanja
erisingako obunene." Yesu n'amugamba nti, "Olamudde bulungi."
44 N'alyoka akyukira omukazi n'agamba Simooni nti, "Omukazi ono
omulaba? Bwe nayingidde mu nnyumba yo, tewampadde mazzi ga
kunaaba ku bigere byange. Naye abinaazizza n'amaziga ge n'abisiimuula
n'enviiri ze.
45 Tewannyanirizza na kunnywegera, naye anywegedde ebigere byange
emirundi mingi okuva lwe nayingidde.
46 Tewansiize mafuta ku mutwe gwange, naye ye asiize ebigere byange
amafuta ag'akaloosa.
47 Noolwekyo nkutegeeza nti omukazi ono asonyiyiddwa ebibi bye
ebingi kubanga okwagala kwe kungi, naye oyo asonyiyibwa ebitono
n'okwagala kwe kuba kutono."

48 Awo Yesu n'agamba omukazi nti, "Osonyiyiddwa ebibi byo."
49 Abo abaali ne Yesu ku mmeza ne beebuuzaganya nti, "Ono ye ani asonyiwa n'ebibi?"
50 Yesu n'agamba omukazi nti, "Okukkiriza kwo kukulokodde, genda mirembe."

# 8

### *Abakazi Abaayitanga ne Yesu*

1 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'agenda ng'akyalira ebibuga ebinene n'ebitono ng'abuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda, n'abayigirizwa be ekkumi n'ababiri nga bali naye.
2 Waaliwo n'abakazi Yesu be yali agobyeko emyoyo emibi ne be yali awonyezza endwadde. Mu bo mwe mwali ne Maliyamu eyayitibwanga Magudaleene gwe yagobako baddayimooni omusanvu,
3 ne Jowaana muka Kuza eyali omukulu w'olubiri lwa Kerode; ne Susaana, n'abalala bangi, abaatoolanga ku byabwe ne balabirira Yesu n'abayigirizwa be.

### *Olugero lw'Omusizi*

4 Awo ekibiina kinene bwe kyali kikuŋŋaana, nga n'abantu abava mu buli kibuga bajja eri Yesu, Yesu n'abagerera olugero luno nti,
5 "Omulimi yagenda mu nnimiro ye okusiga ensigo. Bwe yatandika okusiga ensigo, ezimu ne zigwa ku mabbali g'ekkubo ne bazirinnyirira, n'ebinyonyi eby'omu bbanga ne bizirya.
6 Ensigo endala zaagwa ku lwazi, bwe zaamera ne zikala kubanga tezaalina mazzi.
7 Ensigo endala zaagwa mu maggwa, bwe zaamera n'amaggwa nago ne gakula ne gazizisa.
8 Naye ensigo endala n'azisiga mu ttaka eddungi, ne zikula ne zibala ebibala emirundi kikumi." N'amaliriza ng'agamba nti, "Alina amatu okuwulira awulire."
9 Abayigirizwa be ne bamubuuza amakulu g'olugero olwo.
10 N'abaddamu nti, "Mmwe muweereddwa omukisa okumanya ebyama by'obwakabaka bwa Katonda, naye abalala, njogera gye bali mu ngero,
" 'bwe batunula baleme kulaba,
bwe bawulira baleme kutegeera.'
11 "Kale, amakulu g'olugero olwo ge gano: Ensigo ky'ekigambo kya Katonda.
12 Ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo, be bawulira ekigambo, naye Setaani n'ajja n'akibaggyako mu mutima gwabwe, si kulwa nga bakkiriza ne balokolebwa.
13 Ezaagwa ku lwazi be bawulira ne basanyukira ekigambo, kyokka ne kitaba na mmizi. Be bakkiriza, naye okugezesebwa bwe kujja ne bagwa.
14 Ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo, naye okweraliikirira n'obugagga n'amasanyu g'omu bulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi.
15 Naye ezaagwa ku ttaka eddungi be bantu abalungi era abeesigwa, era bakuuma ekigambo ku mitima ne babala ebibala n'obugumiikiriza.
16 "Tewali muntu akoleeza ttaala ate nagisaanikirako akalobo oba n'agissa wansi w'ekitanda. Agiwanika waggulu ku kikondo, olwo lw'esobola okumulisiza abantu abayingira.

17 Kubanga tewali kintu na kimu ekyakwekebwa ekitalikwekulwa, era
tewali na kimu ekitalimanyibwa mu lwatu.
18 Noolwekyo mwegendereze nga muwuliriza, kubanga oyo alina
alyongerwako; naye oyo atalina, n'ekyo ky'alowooza nti alina kigenda
kumuggyibwako."

*Nnyina ne Baganda ba Yesu*

19 Awo nnyina ne baganda ba Yesu ne bajja okumulaba, naye ne
batasobola kumutuukako olw'ekibiina ky'abantu ekinene.
20 Ne wabaawo amubuulira nti, "Nnyoko ne baganda bo obwedda
bayimiridde wabweru, baagala kukulabako."
21 Yesu n'addamu nti, "Mmange ne baganda bange be bano abawulira
ekigambo kya Katonda ne bakigondera."

*Yesu Akkakkanya Omuyaga*

22 Lwali lumu Yesu n'alinnya mu lyato n'abayigirizwa be, n'abagamba
nti, "Tuwunguke tulage emitala w'ennyanja." Ne basimbula okugenda.
23 Bwe baali baseeyeeya Yesu ne yeebaka. Awo omuyaga ogw'amaanyi
ne gukunta ku nnyanja, n'eryato ne liyuuga nnyo, ne baba mu kabi
kanene.
24 Abayigirizwa ne bamuzuukusa, ne bagamba nti, "Mukama waffe,
Mukama waffe, tusaanawo!" N'azuukuka n'aboggolera omuyaga
n'amazzi agaali geefuukudde. Ne bikkakkana, ennyanja n'etteeka!
25 N'alyoka abagamba nti, "Okukkiriza kwammwe kuluwa?"
Ne batya, ne beewuunya nnyo, ne bagambagana nti, "Omuntu ono ye
ani? Alagira omuyaga n'amazzi ne bimugondera!"

*Yesu Awonya Omusajja Eyaliko Baddayimooni*

26 Awo ne bagoba emitala w'eri mu nsi y'Abageresene eyolekedde
Ggaliraaya.
27 Awo Yesu bwe yava mu lyato omusajja eyaliko baddayimooni n'ajja
okumusisinkana ng'ava mu kibuga. Omusajja oyo yali amaze ebbanga
ddene nga tayambala ngoye, nga tasula na mu nju, wabula ng'asula mu
ntaana.
28 Awo bwe yalaba Yesu n'awowoggana n'agwa wansi mu maaso ga Yesu,
n'aleekaana nti, "Onjagaza ki, Yesu, Omwana wa Katonda Ali Waggulu
Ennyo? Nkwegayiridde tombonyaabonya!"
29 Kubanga Yesu yali alagidde omwoyo omubi guve ku musajja oyo.
Emirundi mingi yalumbibwanga n'amaanyi mangi, ne bwe baamusibanga
n'enjegere, n'akuumibwa mu masamba, yabikutulanga, ddayimooni
n'amulaza mu ddungu.
30 Awo Yesu n'abuuza omusajja nti, "Erinnya lyo ggwe ani?"
Omusajja n'addamu nti, "Nze Ligyoni," kubanga omusajja yaliko
baddayimooni bangi.
31 Baddayimooni ne beegayirira Yesu aleme okubagobera mu bunnya
obutakoma.
32 Waaliwo eggana ly'embizzi, awo ku lusozi, nga lirya, baddayimooni
ne beegayirira Yesu abasindike mu mbizzi ezo. Yesu n'abakkiriza.
33 Baddayimooni ne bava ku musajja ne bayingira mu mbizzi, amang-
wago eggana lyonna ne lifubutuka nga liserengeta olusozi, ne lyewanula
ku bbangabanga, ne ligwa mu nnyanja, embizzi zonna ne zisaanawo.
34 Abalunzi b'embizzi ezo bwe baakiraba, ne badduka embiro ne
bagenda, ne bategeeza ab'omu malundiro ne mu kibuga, ebintu byonna
ebibaddewo.

35 Ekibiina ky'abantu ne bagenda okulaba ebibaddewo ne bajja eri
Yesu, ne balaba omusajja eyagobwako baddayimooni ng'atudde awo awali
ebigere bya Yesu ng'ayambadde engoye era nga mulamu ddala! Ne batya
nnyo.
36 Abo abaaliwo okusookera ddala ne bategeeza abalala ng'omusajja
eyaliko ddayimooni bwe yawonyezebwa.
37 Awo abantu bonna ab'ensi eyo ey'Abagerasene ne basaba Yesu
abaviire, kubanga baali batidde nnyo. N'asaabala mu lyato n'avaayo.
38 Omusajja, eyagobwako baddayimooni n'amusaba agende naye, naye
Yesu n'agaana.
39 N'agamba omusajja nti, "Ddayo ewammwe obategeeze Katonda
by'akukoledde." Omusajja n'agenda ng'ategeeza buli gwe yasanganga mu
kibuga, Yesu bye yali amukoledde.

### *Muwala wa Yayiro n'Omukazi Omulwadde*

40 Yesu bwe yakomawo ekibiina ky'abantu ne bamwaniriza n'essanyu
kubanga bonna baali bamulindirira.
41 Mu kiseera ekyo ne wajjawo omusajja erinnya lye Yayiro,
eyali omukulembeze w'ekkuŋŋaaniro, n'agwa ku bigere bya Yesu
n'amwegayirira ajje mu maka ge,
42 kubanga muwala we omu yekka gwe yalina, eyali aweza emyaka nga
kkumi n'ebiri yali afa.
Yesu n'agenda naye, naye ng'ekibiina kimunyigiriza.
43 Mu kibiina ky'abantu ekyo mwalimu omukazi eyali amaze emyaka
kkumi n'ebiri ng'alwadde ekikulukuto ky'omusaayi. Yali atambudde nnyo
mu basawo era nga bamumazeeko ebintu bye byonna ng'abasasula, naye
ne watabaawo asobola kumuwonya.
44 Omukazi ono n'asemberera Yesu ng'amuvaako emabega, n'akoma ku
lukugiro lw'ekyambalo kya Yesu, ekikulukuto ky'omusaayi ne kiwona mu
kaseera ako kennyini!
45 Yesu n'abuuza nti, "Ani ankutteko?" Bonna ne beegaana, naye Peetero
n'agamba nti, "Mukama waffe, ekibiina ky'abantu kinene abakwetoolodde
era abantu bangi bakunyigiriza."
46 Naye Yesu n'addamu nti, "Waliwo ankutteko kubanga mpulidde
ng'amaanyi ganvaamu."
47 Awo omukazi bwe yategeera ng'avumbuddwa, n'ajja ng'akankana
n'agwa awo mu maaso ga Yesu, n'annyonnyola mu maaso g'abantu
bonna ensonga kyeyavudde amukwatako, era nti n'obulwadde bwe
bwawoneddewo!
48 Yesu n'agamba omukazi nti, "Muwala wange, okukkiriza kwo
kukuwonyezza. Genda mirembe."
49 Awo Yesu bwe yali ng'akyayogera omuntu n'atuuka ng'ava mu maka
g'omukulu w'ekkuŋŋaaniro, n'agamba Yayiro nti, "Muwala wo afudde!
Omuyigiriza toyongera kumuteganya."
50 Naye Yesu bwe yakiwulira n'amugamba nti, "Totya! Kkiriza bukkiriza,
ajja kuba mulamu."
51 Awo Yesu bwe yatuuka ku nnyumba ya Yayiro, n'atakkiriza bantu
balala kuyingira naye mu nju wabula Peetero, ne Yokaana, ne Yakobo, ne
kitaawe w'omwana, ne nnyina.
52 Mu kiseera ekyo abantu bonna baali bakaaba nga bakungubagira
omwana oyo. Yesu n'abagamba nti, "Mulekeraawo okukaaba! Omuwala
tafudde wabula yeebase bwebasi!"

53 Ne bamusekerera nnyo, kubanga bonna baali bamanyi ng'omuwala
afudde.
54 Naye Yesu n'akwata omuwala eyali afudde ku mukono, n'akoowoola
ng'agamba nti, "Mwana wange, golokoka!"
55 Amangwago n'aba mulamu, n'asituka n'ayimirira. Yesu n'abalagira
bamuwe ekyokulya.
56 Bazadde b'omuwala ne beewuunya, naye Yesu n'abakuutira obutabu-
ulirako muntu yenna ebibaddewo.

# 9

### *Yesu Atuma Ekkumi n'Ababiri*

1 Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri
bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu
n'okuwonya endwadde.
2 N'abawa obuyinza n'abatuma bagende bategeeze abantu ebigambo
by'obwakabaka bwa Katonda era bawonye n'abalwadde.
3 N'abalagira nti, "Temwetwalira kintu kyonna nga mugenda, wadde
omuggo, oba ensawo, oba emmere, wadde ffeeza wadde essaati ebbiri.
4 Na buli nnyumba mwe muyingiranga, mubeerenga omwo, era mwe
muba muvanga.
5 Bwe muyingiranga mu kibuga, abantu baamu ne batabaaniriza,
mubaviirenga, era bwe mubanga mufuluma mu kibuga ekyo mukunku-
mulanga enfuufu ku bigere byammwe, ebe omujulirwa eri bo."
6 Ne bagenda nga bava mu kibuga ekimu nga badda mu kirala, nga
babuulira Enjiri buli wamu era nga bawonya.

### *Kerode Asoberwa*

7 Awo Kerode eyali afuga Ggaliraaya bwe yawulira ebintu ebyo by-
onna, n'asoberwa, kubanga abantu abamu baali bagamba nti, "Yokaana
azuukidde mu bafu,"
8 n'abalala nti, "Eriya yali alabise," n'abalala nti, "Omu ku bannabbi
ab'edda azuukidde mu bafu."
9 Naye Kerode ne yeebuuza nti, "Yokaana namutemako omutwe; naye
ate kale ono ye ani gwe mpulirako ebigambo bino byonna?" N'ayagala
okulaba Yesu.

### *Yesu Aliisa Abantu Enkumi Ettaano*

10 Awo abatume bwe baakomawo ne bategeeza Yesu bye baakola.
Yesu n'abatwala mu kyama ne bagenda bokka mu kibuga ekiyitibwa
Besusayida.
11 Naye ebibiina bwe baakitegeera ne kimugoberera. Yesu n'abaaniriza,
n'abayigiriza ebigambo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda, n'abaali
abalwadde n'abawonya.
12 Obudde bwe bwawungeera abayigirizwa ekkumi n'ababiri ne ba-
jja gy'ali ne bamugamba nti, "Abantu bagambe bagende mu bibuga
ebyetoolodde wano ne mu byalo beefunire we banaafuna ku mmere
n'okusula, kubanga wano tuli mu ttale jjereere."
13 Yesu n'abaddamu nti, "Mmwe mubawe ekyokulya!"
Abayigirizwa be ne bamuddamu nti, "Wano tulinawo emigaati etaano
gyokka n'ebyennyanja bibiri, mpozi nga tugenda tugulire abantu bano
bonna emmere."

14 Waaliwo abasajja ng’enkumi ttaano. Naye Yesu n’agamba abayigi-
rizwa be nti, “Mutuuze abantu mu bibiina by’abantu ng’amakumi ataano
buli kimu.”
15 Abayigirizwa ne bakola bwe batyo, bonna ne batuula.
16 Awo Yesu n’addira emigaati etaano n’ebyennyanja ebibiri n’atunula
eri eggulu, ne yeebaza, n’amenyaamenya emigaati n’ebyennyanja, n’awa
abayigirizwa be bagabule abantu.
17 Bonna ne balya ne bakkuta, era obutundutundu obwalema bwe
bwakuŋŋaanyizibwa ne bujjuza ebisero kkumi na bibiri.

### *Peetero Ayatula nti Yesu ye Kristo*

18 Lwali lumu Yesu bwe yali ng’asaba yekka kyokka nga n’abayigirizwa
be bali awo, n’ababuuza nti, “Ebibiina bimpita ani?”
19 Ne baddamu nti, “Abamu bagamba nti Yokaana Omubatiza, abalala
nti Eriya, ate nga waliwo abagamba nti omu ku bannabbi ab’edda
y’azuukidde.”
20 Yesu kwe kubabuuza nti, “Naye mmwe mumpita ani?”
Peetero n’addamu nti, “Ggwe Kristo wa Katonda.”
21 Awo Yesu n’abakuutira, ng’abalagira obutakitegeezaako muntu yenna,
22 n’abategeeza nti, “Kigwanidde, Omwana w’Omuntu, okubonaabona
ennyo, n’okugaanibwa abakulembeze b’Abayudaaya, ne bakabona
abakulu, n’abannyonnyozi b’amateeka, n’okuttibwa, naye ku lunaku
olwokusatu okuzuukizibwa!”
23 Era bonna n’abagamba nti, “Omuntu yenna ayagala okungoberera
asaana yeefiirize yekka yeetikke omusaalaba gwe buli lunaku, angoberere!
24 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe, alibufiirwa. Na buli
alifiirwa obulamu bwe ku lwange alibulokola.
25 Kubanga omuntu kirimugasa ki okulya ensi yonna, naye n’afiirwa
obulamu bwe?
26 Buli alinkwatirwa ensonyi, nze n’ebigambo byange, n’Omwana
w’Omuntu, alimukwatirwa ensonyi, bw’alijja mu kitiibwa kye ne mu kya
Kitaawe ne mu kya bamalayika abatukuvu.
27 “Naye ddala ddala mbagamba nti abamu ku abo abayimiridde wano
waliwo abatalirega ku kufa okutuusa nga bamaze okulaba obwakabaka
bwa Katonda.”

### *Okufuusibwa*

28 Awo nga wayiseewo ng’ennaku munaana, Yesu n’atwala Peetero ne
Yokaana ne Yakobo ne bambuka ku lusozi okusaba.
29 Bwe yali ng’asaba endabika y’amaaso ge n’ekyusibwa, ebyambalo bye
ne byeruka ne bitukula nnyo era ne byakaayakana.
30 Awo abantu babiri ne balabika nga banyumya ne Yesu, omu yali Musa
n’omulala Eriya,
31 abaali bamasamasa mu kitiibwa kyabwe nga boogera ku kufa kwa
Yesu, kwe yali agenda okutuukiriza mu Yerusaalemi.
32 Peetero ne banne otulo twali tubakutte era nga beebase, Bwe
baazuukuka ne balaba ekitiibwa kya Yesu n’abantu ababiri abaali bay-
imiridde naye.
33 Awo Musa ne Eriya bwe baali bagenda, Peetero nga tamanyi ne
kyayogera, n’agamba nti, “Mukama wange kirungi ffe okubeera wano.
Ka tuzimbe wano ensiisira ssatu, emu yiyo, endala ya Musa n’endala ya
Eriya!”

34 Naye yali akyayogera ebyo ekire ne kibabikka, abayigirizwa ne bajjula
okutya nga kibasaanikidde.
35 Eddoboozi ne liva mu kire ne ligamba nti, “Ono ye Mwana wange,
gwe nneeroboza, mumuwulirize!”
36 Eddoboozi bwe lyasiriikirira, Yesu n’asigalawo yekka. Abayigirizwa
abo bye baalaba ne bye baawulira ne babikuuma mu mitima gyabwe, ne
batabibuulirako muntu yenna mu kiseera ekyo.

### *Yesu Awonya Omwana Eyaliko Dayimooni*

37 Awo enkeera bwe baakomawo nga bava ku lusozi, ekibiina ekinene
ne kijja okusisinkana Yesu.
38 Omusajja eyali mu kibiina n’ayogerera waggulu ng’agamba nti,
“Omuyigiriza, nkwegayiridde tunula ku mutabani wange ono kubanga
yekka gwe nnina.
39 Kubanga ddayimooni buli bbanga amukwata n’amuwowogganya, era
n’amukankanya n’abimba ejjovu n’amusuula eri era tayagala kumuleka,
amumaliramu ddala amaanyi.
40 Neegayiridde abayigirizwa bo bamumugobeko, naye ne batasobola.”
41 Awo Yesu n’addamu nti, “Mmwe omulembe ogutakkiriza era og-
wakyama, ndibeera nammwe kutuusa ddi? Era ndibagumiikiriza kutuusa
ddi? Leeta wano omwana wo.”
42 Omulenzi bwe yali ajja eri Yesu dayimooni n’amusuula wansi
n’amukankanya nnyo. Yesu n’aboggolera omwoyo omubi n’awonya
omwana, n’amuddiza kitaawe.
43 Abantu bonna ne beewuunya obuyinza bwa Katonda. Awo buli muntu
bwe yali akyewuunya eby’ekitalo ebyo Yesu bye yali akola, n’agamba
abayigirizwa be nti,
44 “Muwulirize nnyo kye ŋŋenda okubagamba. Omwana w’Omuntu,
agenda kuliibwamu olukwe.”
45 Naye abayigirizwa tebaategeera ky’agambye n’amakulu gaakyo.
Kubanga kyali kibakwekebbwa, baleme okutegeera ate nga batya
okukimubuuza.
46 Awo empaka ne zisituka mu bayigirizwa ba Yesu, nga bawakanira
aliba omukulu mu bo.
47 Naye Yesu bwe yategeera ebirowoozo byabwe n’addira omwana
omuto n’amuyimiriza w’ali.
48 N’abagamba nti, “Buli muntu asembeza omwana ono omuto mu
linnya lyange ng’asembezezza Nze, na buli ansembeza aba asembezezza
oyo eyantuma. Oyo asembayo okuba owa wansi mu mmwe, ye mukulu
okubasinga.”
49 Awo Yokaana n’agamba Yesu nti, “Mukama waffe, twalaba omuntu
ng’agoba baddayimooni mu linnya lyo ne tugezaako okumuziyiza kubanga
tayita naffe.”
50 Naye Yesu n’amuddamu nti, “Temumuziyizanga kubanga oyo atal-
wana nammwe abeera ku ludda lwammwe.”
51 Awo ekiseera eky’okulinnya kwe mu ggulu bwe kyali kisembedde,
n’amalirira okugenda e Yerusaalemi.
52 N’atuma ababaka mu maaso ne balaga mu kibuga ky’Abasamaliya
okumutegekera.
53 Naye abantu b’eyo ne batamwaniriza, kubanga yali amaliridde
okulaga mu Yerusaalemi.
54 Abayigirizwa Yakobo ne Yokaana bwe baakiraba ne babuuza Yesu nti,
“Mukama waffe, tuyite omuliro okuva mu ggulu gubazikirize?”

55 Naye Yesu n'akyuka n'abanenya.
56 Ne bagenda mu kabuga akalala.
57 Awo bwe baali bali mu kkubo omu ku bo n'amugamba nti, "Nnaaku-
gobereranga wonna w'onoogendanga."
58 Yesu n'amugamba nti, "Ebibe birina obunnya bwabyo mwe bisula,
n'ennyonyi zirina ebisu, naye Omwana w'Omuntu, talina kifo kya
kuwumulizaamu mutwe gwe."
59 N'agamba omusajja omulala nti, "Ngoberera."
Omusajja n'addamu nti, "Mukama wange, nzikiriza mmale okugenda
okuziika kitange."
60 Yesu n'amugamba nti, "Leka abafu baziike abafu baabwe, naye ggwe
genda olangirire obwakabaka bwa Katonda."
61 N'omulala n'agamba Yesu nti, "Nnaakugobereranga Mukama wange.
Naye sooka ondeke mmale okusiibula ab'omu maka gange."
62 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Omuntu yenna akwata ekyuma ekirima
mu ngalo ze ate n'atunula emabega, tasaanira bwakabaka bwa Katonda."

# 10

*Yesu Atuma Abayigirizwa Ensanvu*

1 Awo oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'alonda abayigirizwa abalala nsanvu
mu babiri*, n'abatuma babiri babiri bamukulembere bagende mu buli
kibuga ekinene, na buli kifo mwe yali anaatera okutuuka.
2 N'abagamba nti, "Eby'okukungula bingi, naye abakozi abakungula
batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu
nnimiro ye.
3 Kale, mugende. Kyokka mbatuma ng'abaana b'endiga mu misege.
4 Temugenda na nsimbi era temutwala nsawo ya kusabiriza wadde
omugogo gw'engatto, ate temubaako gwe mulamusa mu kkubo.
5 "Buli nnyumba gye muyingirangamu musookanga kugamba nti,
'Emirembe gibeere mu nnyumba eno.'
6 Ennyumba eyo bw'eneebangamu omuntu ow'emirembe, emirembe
gyammwe ginaabeeranga ku ye, bwe kitaabenga bwe kityo, emirembe
gyammwe ginaabaddiranga.
7 Mu nnyumba omwo, mwe musookedde, munaalyanga era ne munywa
nabo, kubanga omukozi asaanira empeera ye. Temuvanga mu nnyumba
emu ne mudda mu ndala.
8 "Buli kibuga kye mutuukangamu ne babaaniriza, mulyenga ebyo bye
babawadde okulya.
9 Muwonyenga abalwadde abalimu, era mugambenga abantu abo nti,
'Obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde.'
10 Naye bwe muyingiranga mu kibuga kyonna ne batabaaniriza, mula-
ganga mu nguudo zaakyo ne mugamba nti,
11 'N'enfuufu ekwatidde ku bigere byaffe tugibakunkumulira. Naye
mumanye kino nti obwakabaka bwa Katonda busembedde.'
12 Mbategeeza nti ku lunaku luli, Sodomu kigenda kugumiikirizika
okusinga ekibuga ekyo.
13 "Zikusanze, ggwe Kolaziini! Naawe zikusanze, Besusayida! Kubanga
ebyamagero ekyakolerwa mu mmwe, singa byakolerwa mu Ttuulo ne
mu Sidoni, abantu baamu bandibadde beenenya dda, nga bambadde
n'ebibukutu nga batudde mu vvu okulaga nti beenenyezza.

* **10:1** ne mu lunny 17

14 Naye Ttuulo ne Sidoni birisaasirwa okusinga mmwe ku lunaku olw'okusalirako omusango.

15 Ate ggwe Kaperunawumu, oligulumizibwa okutuuka mu ggulu? Nedda, ogenda kuserengesebwa wansi emagombe.

16 "Buli abawuliriza mmwe aba awulirizza Nze, na buli abanyooma aba anyoomye Nze, n'oyo anyooma Nze aba anyoomye eyantuma."

17 Awo abayigirizwa ensavu mu ababiri bwe baakomawo, nga basanyuka ne bategeeza Yesu nti, "Mukama waffe, ne baddayimooni baatugondera mu linnya lyo."

18 Yesu n'abagamba nti, "Nalaba Setaani ng'agwa okuva mu ggulu ng'okumyansa kw'eraddu!

19 Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi.

20 Naye temusanyuka nnyo kubanga baddayimooni babagondera, wabula mujaguze nti amannya gammwe gawandiikiddwa mu ggulu."

21 Mu kiseera ekyo Yesu n'ajjula essanyu ku bwa Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Nkutendereza Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, kubanga wakweka ebintu bino abagezi n'abayivu, naye n'obibikkulira abaana abato. Weewaawo Kitange, bw'otyo bwe wasiima.

22 "Kitange yankwasa ebintu byonna. Tewali amanyi Mwana wabula Kitange, era tewali amanyi Kitange wabula Omwana awamu n'abo Omwana b'asiima okubamubikkulira."

23 Awo n'akyukira abayigirizwa be n'abagamba mu kyama nti, "Mulina omukisa mmwe okulaba bino bye mulaba.

24 Kubanga mbagamba nti, bannabbi bangi ne bakabaka bangi abaayagala okulaba bye mulaba n'okuwulira bye muwulira naye tekyasoboka."

*Omusamaliya Omulungi*

25 Kale laba omunnyonnyozi w'amateeka n'asituka, ng'ayagala okugezesa Yesu, n'amubuuza nti, "Omuyigiriza, nsaana nkole ki okusikira obulamu obutaggwaawo?"

26 Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa kitya mu mateeka? Gagamba gatya?"

27 Omunnyonnyozi w'amateeka n'addamu nti, " 'Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna, n'amagezi go gonna.' Era 'yagalanga muliraanwa wo nga naawe bwe weeyagala.' "

28 Yesu n'amugamba nti, "Ozzeemu bulungi. Kale kolanga bw'otyo oliba mulamu."

29 Naye omunnyonnyozi w'amateeka okwagala okulaga nga bw'ali omutuufu n'agamba Yesu nti, "Muliraanwa wange ye ani?"

30 Yesu n'amuddamu nti, "Waaliwo omuntu eyali ava e Yerusaalemi ng'aserengeta e Yeriko, n'agwa mu banyazi, ne bamukwata ne bamwambulamu engoye ze ne bazimutwalako, ne bamukuba nnyo, ne bamuleka awo ku kkubo ng'abulako katono okufa.

31 Awo kabona eyali ategedde n'ajjira mu kkubo eryo, naye bwe yatuuka ku musajja ng'agudde awo ku kkubo n'amwebalama bwebalami n'amuyitako.

32 Omuleevi naye yamutuukako n'amulaba, n'adda ku ludda olulala olw'oluguudo, n'amuyitako buyisi

33 Naye Omusamaliya bwe yali ng'ali ku lugendo lwe mu kkubo eryo,
n'atuuka omusajja we yali; bwe yamulaba n'amukwatirwa ekisa,
34 n'ajja w'ali, n'amunyiga ebiwundu ng'ayiwako amafuta, ne wayini
ebiwundu n'abisibako ebiwero. Awo n'ateeka omusajja ku nsolo ye
n'amutwala mu nnyumba esulwamu abatambuze, n'amujjanjaba.
35 Enkeera Omusamaliya n'addira ddinaali bbiri n'aziwa nannyini
nnyumba. N'amugamba nti, 'Nkusaba omujjanjabe, era ensimbi ezizo
zonna z'olikozesa nga zino ze nkulekedde ziweddewo, ndizikuddizaawo
nga nkomyewo.' "
36 "Kale olowooza, ku bantu abo abasatu aluwa eyali muliraanwa
w'omusajja oli eyagwa mu banyazi?"
37 Omunnyonnyozi w'amateeka n'addamu nti, "Oyo eyamukolera ebyek-
isa."
Yesu n'amugamba nti, "Naawe genda okole bw'otyo."

### *Yesu Akyalira Maliza ne Maliyamu*

38 Awo Yesu n'abayigirizwa be nga bali ku lugendo lwabwe, ne batuuka
mu kabuga akamu, omukazi erinnya lye Maliza n'asembeza Yesu mu maka
ge.
39 Yalina muganda we erinnya lye Maliyamu. N'atuula awo wansi ku
bigere bya Yesu, ng'awuliriza ebigambo Yesu bye yali ayogera.
40 Naye Maliza yali yeetawula mu mirimu ng'ategekera abagenyi, n'ajja
awali Yesu n'amugamba nti, "Mukama wange, tofaayo ng'olaba muganda
wange andekedde emirimu nzekka?"
41 Naye Mukama waffe n'amuddamu nti, "Maliza, Maliza, ebintu
ebikutawaanya bingi,
42 naye waliwo ekintu kimu kyokka ekyetaagibwa, Maliyamu alonze
omugabo omulungi ogutagenda kumuggyibwako."

## 11

### *Yesu Ayigiriza Okusaba*

1 Awo olwatuuka Yesu ng'ali mu kifo ekimu ng'asaba, bwe yamaliriza,
omu ku bayigirizwa be n'amugamba nti, "Mukama waffe, naawe tuyigirize
okusaba nga Yokaana bwe yayigiriza abayigirizwa be."
2 N'abagamba nti, "Bwe mubanga musaba mugambanga nti,
" 'Kitaffe,*
Erinnya lyo litukuzibwe,
obwakabaka bwo bujje.
3 Otuwenga buli lunaku emmere yaffe ey'olunaku.
4 Era otusonyiwe ebyonoono byaffe,
nga naffe bwe tusonyiwa abatukolako ebisobyo.
So totutwala mu kukemebwa.' "
5 Ate n'abagamba nti, "Singa omu ku mmwe alina mukwano gwe, n'ajja
gy'ali ekiro mu ttumbi n'amugamba nti, 'Mukwano gwange, nkusaba
ompoleyo emigaati esatu,
6 kubanga nfunye omugenyi, mukwano gwange avudde lugendo, naye
sirina kyakulya kya kumuwa.' "
7 "Oli ali munda mu nju bw'ayanukula nti, 'Tonteganya. Twasibyewo
dda, ffenna n'abaana bange twebisse. Noolwekyo siyinza kugolokoka
kaakano ne mbaako kye nkuwa.'

* **11:2** Ebitabo ebimu bigamba Kitaffe ali mu ggulu

8 Naye mbategeeza nti, Newaakubadde nga tagolokoka n'amuyamba nga mukwano gwe, naye, singa akonkona n'amwetayirira, alwaddaaki agolokoka n'amuwa by'amusabye.

9 "Bwe ntyo mbagamba nti, musabe munaaweebwa, munoonye mulizuula, mukonkone era munaggulirwawo.

10 Kubanga buli asaba, aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, era n'oyo akonkona aggulirwawo.

11 "Ani ku mmwe kitaawe w'omwana, omwana we ng'amusabye ekyennyanja, mu kifo ky'ekyennyanja n'amuwa omusota?

12 Oba ng'amusabye eggi n'amuwa enjaba?

13 Kale obanga mmwe ababi muwa abaana bammwe ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisinga nnyo okubawa Mwoyo Mutukuvu abo abamusaba?"

*Yesu ne Beeruzebuli*

14 Lwali lumu Yesu n'agoba dayimooni ku musajja eyali tayogera. Dayimooni bwe yamuvaako, omusajja oyo n'ayogera, ekibiina ky'abantu ne beewuunya.

15 Naye abantu abamu ne bagamba nti, "Agoba baddayimooni, kubanga amaanyi g'akozesa agaggya wa Beeruzebuli omukulu wa baddayimooni!"

16 Abalala ne bamusaba akabonero akava mu ggulu nga bamugezesa.

17 Naye Yesu bwe yamanya ebirowoozo byabwe, kwe kubagamba nti, "Obwakabaka bwe bulwanagana bwokka, buba bwolekedde kuzikirira, amaka bwe gayawukanamu gokka ne gokka gasasika.

18 Noolwekyo, singa Setaani yeerwanyisa yekka obwakabaka bwe buyinza butya okuyimirirawo? Kubanga mugamba nti ngoba baddayimooni ku lwa Beeruzebuli.

19 Era obanga Nze ngoba baddayimooni ku bwa Beeruzebuli kale abaana bammwe bo babagoba ku bw'ani? Be bagenda okubasalira omusango.

20 Naye obanga ngoba baddayimooni mu buyinza bwa Katonda, ekyo kikakasa nti obwakabaka bwa Katonda buzze gye muli.

21 "Kubanga omuntu ow'amaanyi bw'akuuma amaka ge, nga yenna yeesibye ebyokulwanyisa eby'amaanyi, tewaba ayinza kumutwalako bintu bye.

22 Naye omuntu omulala amusinza amaanyi bw'amulumba amuggyako ebyokulwanyisa bye, bye yali yeesiga, n'atwala ebintu bye byonna, n'abigabira abalala.

23 "Oyo atali ku ludda lwange, mulabe wange, n'oyo atakuŋŋaanyiza wamu nange asaasaanya.

24 "Omwoyo ogutali mulongoofu bwe guva mu muntu guyita mu malungu nga gunoonya aw'okuwummulira. Bwe gubulwa, gugamba nti, 'Nzija kuddayo mu nnyumba mwe nava.'

25 Bwe guddayo gusanga ennyumba ng'eyereddwa era nga ntegeke.

26 Kyeguva gugenda ne gufunayo emyoyo emirala musanvu egigusingako obwonoonefu, ne giyingirira omuntu oyo. Kale embeera y'omuntu oyo ey'oluvannyuma n'ebeera mbi nnyo okusinga eyasooka."

27 Awo Yesu bwe yali ng'akyayogera ebigambo ebyo, omukazi eyali mu kibiina n'ayogerera waggulu nti, "Lulina omukisa olubuto olwakuzaala, n'amabeere kwe wayonka!"

28 Naye Yesu n'addamu nti, "Weewaawo, naye balina omukisa abo bonna abawulira ekigambo kya Katonda ne bakigondera."

*Akabonero ka Yona*

29 Awo abantu bwe beeyongera okukuŋŋaana abangi, Yesu n'abayigiriza ng'agamba nti, "Omulembe guno mulembe mubi. Gunoonya akabonero, naye tegujja kukaweebwa okuggyako akabonero aka Yona.

30 Kubanga Yona nga bwe yali akabonero eri abantu b'e Nineeve, n'Omwana w'Omuntu, bw'ajja okuba eri ab'omulembe guno.

31 Era ku lunaku olw'okusalirako omusango, kabaka omukazi ow'omu bukiikaddyo alisaliza abantu ab'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga yava ku nkomerero y'ensi okujja okuwuliriza amagezi ga Sulemaani, naye oyo asinga Sulemaani ali wano.

32 Abantu b'e Nineeve baliyimirira ne basaliza abantu b'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga beenenya bwe baawulira okubuulira kwa Yona Naye laba asinga Yona ali wano."

### *Ettaala y'Omubiri*

33 "Omuntu takoleeza ttaala n'agikweka, oba n'agivuunikako ekibbo! Naye agiwanika ku kikondo ky'ettaala n'emulisiza bonna abayingira basobole okulaba.

34 Eriiso y'ettabaaza y'omubiri gwo. Eriiso bwe liba eddamu, n'omubiri gwo gwonna guba gujjudde omusana. Naye eriiso bwe liba eddwadde, omubiri gwo gujjula ekizikiza.

35 Noolwekyo weekuume ekizikiza kireme kugoba musana oguli mu ggwe.

36 Singa omubiri gwo gwonna gujjula omusana, ne gutabaamu kizikiza n'akatono gujja kwakaayakana nga gwe bamulisizzaamu ettaala."

37 Awo Yesu bwe yali ng'akyayogera, Omufalisaayo n'amuyita okulya emmere mu maka ge, bw'atyo n'agenda n'ayingira n'atuula okulya.

38 Naye Omufalisaayo eyamuyita bwe yalaba nga Yesu atandise okulya nga tasoose kunaaba mu ngalo, ne yeewuunya.

39 Awo Mukama waffe n'amugamba nti, "Mmwe Abafalisaayo, munaaza kungulu ku kikopo ne ku ssowaani, naye nga munda wammwe mujjudde omululu n'ebitali bya butuukirivu.

40 Basirusiru mmwe eyakola ebweru si ye yakola ne munda?

41 Naye singa munaddira ebiri munda ne mubiwaayo ng'ekiweebwayo, olwo buli kintu kinaaba kirongoofu eri Katonda.

42 "Zibasanze mmwe Abafalisaayo! Kubanga muwaayo ekimu eky'ekkumi ku buli kyonna kye mufuna, ne ku buli kika kya muddo oguwunyisa obulungi era oguwoomesa enva, naye ne mutassaayo mwoyo ku bwenkanya n'okwagala Katonda. Kirungi okukola ebyo byonna, naye era n'ebirala temusaanye kubiragajjalira.

43 "Zibasanze mmwe Abafalisaayo! Kubanga mwagala nnyo okutuula ku ntebe ez'ekitiibwa mu makuŋŋaaniro, era n'okulamusibwa mu butale ng'abantu babawa ekitiibwa.

44 "Zibasanze! Kubanga muli ng'amalaalo, agatalabika abantu kwe batambulira ng'ekiri munda tebakimanyi."

45 Omu ku bannyonnyozi b'amateeka n'amwanukula nti, "Omuyigiriza bw'oyogera bw'otyo naffe oba ng'atuvumiddemu."

46 Yesu n'amuddamu nti, "Nammwe zibasanze abannyonnyozi b'amateeka! Kubanga mutikka abantu emigugu emizito egy'amateeka g'eddiini, so nga mmwe temusobola na kukwata na lugalo lwammwe ku migugu egyo.

47 "Zibasanze! Kubanga muzimbira bannabbi ebijjukizo, so nga bajjajjammwe be baabatta.

48 Noolwekyo mulaga nga bwe muwagira ebikolwa bya bajjajjammwe
eby'obutemu. Bo batta ate mmwe ne muzimba ebijjukizo.
49 Noolwekyo Katonda mu magezi ge, kyeyava agamba nti,
'Ndibaweereza bannabbi n'abatume, abamu balibatta n'abalala
balibayigganya.'
50 Era ab'omulembe guno kyemuliva muvunaanibwa olw'omusaayi gwa
bannabbi bonna okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi,
51 okuva ku musaayi gwa Aberi okutuuka ku musaayi gwa Za-
akaliya, eyattirwa wakati w'ekyoto ky'ebiweebwayo ne yeekaalu. Mmwe
ab'omulembe guno mbategeeza nti mugenda kuvunaanibwa olw'ebyo
byonna.
52 "Zibasanze, mmwe abannyonnyozi b'amateeka! Kubanga mwafuna
ekisumuluzo eky'amagezi naye mmwe bennyini ne mutayingira, ate ne
muziyiza n'abalala okuyingira."
53 Yesu bwe yava mu nnyumba eyo, Abafalisaayo n'abannyonnyozi
b'amateeka ne batandika okumuteganya n'okumukambuwalira ennyo
n'okumubuuza ebibuuzo bingi awatali kusalako,
54 nga bamutega bamukwase mu bigambo kwe banaasinziira okumuk-
wata.

# 12

*Ebirabula n'Ebigumya*

1 Mu kiseera ekyo ekibiina ky'abantu bangi nnyo, ne bakuŋŋaana
n'okulinnyaganako ne balinnyaganako. Awo Yesu n'akyukira abayigi-
rizwa be, n'abalabula ng'agamba nti, "Mwekuume ekizimbulukusa bwe
bannanfuusi bw'Abafalisaayo.
2 Tewali ekyakisibwa ekitalimanyibwa, newaakubadde ekyakwekebwa
ekitalizuulibwa.
3 Noolwekyo bye mwogeredde mu kizikiza biriwulirwa mu musana,
n'ebyo bye mwogedde mu kaama, nga muli mu kisenge n'enzigi nga
nzigale, bigenda kulangiririrwa ku busolya bw'ennyumba.
4 "Kaakano mikwano gyange, temubatyanga abo abatta omubiri, naye
ne batabaako kirala kye bayinza kukola.
5 Naye nzija kubalaga gwe musaanidde okutya. Mutyenga oyo alina
obuyinza okutta ate n'okusuula mu ggeyeena. Weewaawo mbagamba nti
oyo gwe musaanye okutyanga.
6 Enkazaluggya ettaano tezigula sente bbiri zokka? Naye Katonda
tazeerabira wadde emu bw'eti.
7 Era amanyi enviiri eziri ku mutwe gwo nga bwe zenkana obungi.
Temutya kubanga mmwe muli ba muwendo nnyo okusinga enkazaluggya
ennyingi.
8 "Era mbategeeza nti buli anjatula mu maaso g'abantu, n'Omwana
w'Omuntu, alimwatula mu maaso ga bamalayika ba Katonda.
9 Naye oyo anneegaanira mu maaso g'abantu, n'Omwana w'Omuntu
alimwegaanira mu maaso ga bamalayika ba Katonda.
10 Na buli muntu alyogera ekigambo ku Mwana w'Omuntu alisonyiy-
ibwa, naye oyo alivvoola Mwoyo Mutukuvu tagenda kusonyiyibwa.
11 "Bwe banaabatwalanga mu makuŋŋaaniro, ne mu maaso g'abafuzi
ne mu b'obuyinza temweraliikiriranga kye mulyogera mu kuwoza,
12 kubanga Mwoyo Mutukuvu agenda kubawa eky'okwogera mu kiseera
ekyo kyennyini."

13 Awo omuntu omu mu kibiina n'avaayo n'agamba Yesu nti, "Omuyigiriza, gamba muganda wange angabanyize ku by'obusika bwaffe."

14 Naye Yesu n'amuddamu nti, "Owange, ani eyanfuula omulamuzi wammwe oba ow'okubamaliranga empaka zammwe?"

15 N'abagamba nti, "Mwekuume! Temululunkananga. Kubanga obulamu bw'omuntu tebugererwa ku bugagga bw'abeera nabwo."

16 Awo n'abagerera olugero luno nti, "Waaliwo omusajja omugagga eyalina ennimiro n'abaza ebibala bingi.

17 N'alowooza munda mu ye ng'agamba nti, 'Nnaakola ntya? Kubanga sirina we nnaakuŋŋaanyiza bibala byange?'

18 "Kwe kugamba nti, 'Ntegedde kye nnaakola, nzija kumenyawo amawanika gange gano, nzimbewo agasingako obunene! Omwo mwe nnaakuŋŋaanyiza ebibala byange byonna n'ebintu byange.

19 Era nzija kugamba emmeeme yange nti, "Emmeeme, weeterekedde bingi mu mawanika go okukuyisa mu myaka mingi egijja. Wummula, olye, onywe era weesanyuse!" '

20 "Naye Katonda n'amugamba nti, 'Musirusiru ggwe! Ekiro kino emmeeme yo eneekuggibwako. Kale ebyo bye weetegekedde binaaba by'ani?'

21 "Bwe kityo bwe kiriba eri buli muntu eyeeterekera, so nga mwavu eri Katonda."

### *Temweraliikiriranga*

22 Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Noolwekyo mbagamba nti, Temweraliikiriranga bya bulamu bwammwe oba mmere gye munaalya oba engoye ez'okwambala.

23 Kubanga omwoyo gusinga wala emmere n'omubiri gusinga ebyambalo.

24 Mulowooze ku namuŋŋoona, tezisiga so tezikungula, era tezirina na mawanika mwe zitereka mmere yaazo, naye Katonda aziriisa. Naye mmwe muli ba muwendo nnyo okukira ennyonyi ezo!

25 Ani ku mmwe bwe yeeraliikirira, ayinza okwongerayo obulamu bwe akatundu n'akamu?

26 Obanga temusobola kukola kantu katono ng'ako, kale kikugasa ki okweraliikirira ebintu ebirala?

27 "Mutunuulire amalanga bwe gakula! Tegategana wadde okulanga ewuzi z'engoye, naye mbategeeza nti ne Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna teyagenkana mu kwambala.

28 Kale, obanga Katonda ayambaza bw'atyo omuddo ogw'omu nsiko, ogw'ekiseera obuseera ogubaawo leero ate enkeera ne gwokebwa mu kyoto, naye ate talisingawo nnyo okwambaza mmwe ab'okukkiriza okutono!

29 Temunoonyanga kye munaalya oba kye munaanywa, era temweraliikiriranga n'akatono.

30 Kubanga ebintu ebyo byonna amawanga ge biyaayaanira, naye Kitammwe amanyi nga mubyetaaga.

31 Naye munoonye obwakabaka bwe, n'ebintu ebyo mulibyongerwako.

32 "Temutya, mmwe ekisibo ekitono, kubanga Kitammwe asiimye okubawa obwakabaka.

33 Mutunde ebintu byammwe, ensimbi ze muggyamu muzigabire abo abeetaaga, mwetungire ensawo ezitakaddiwa era mweterekere mu ggulu mu tterekero eritaggwaamu bintu, omubbi gy'atasembera wadde ennyenje gye zitayonoonera.

34 Kubanga obugagga bwo gye buli, n'omutima gwo gye gunaabeeranga.
35 "Mube beetegefu olw'obuweereza, era mukuume ettabaaza zammwe
nga zaaka.
36 Mube ng'abasajja abalindirira mukama waabwe; bw'akomawo okuva
mu mbaga y'obugole, n'akonkona banguwa okumuggulirawo oluggi.
37 Balina omukisa abaddu abo, mukama waabwe baalisanga nga
batunula. Ddala ddala mbagamba nti, agenda kwambala atuuze abaddu
abo ku mmeeza abagabule.
38 Balina omukisa abo, bw'alijja mu kisisimuka ekyokusatu, baalisanga
nga batunula.
39 "Naye mutegeere kino: singa ssemaka amanya essaawa omubbi
w'anaayingirira okumenya ennyumba ye, teyandiganyizza mubbi ku-
muyingirira.
40 Noolwekyo mubeere beetegefu. Kubanga Omwana w'Omuntu, ajjira
mu kiseera kye mutamulowoolezaamu."
41 Awo Peetero n'amubuuza nti, "Mukama waffe, olugero luno
olugeredde ffe, oba bonna?"
42 Mukama waffe n'addamu nti, "Omuweereza oyo omwesigwa era
ow'amagezi ye aluwa mukama we gw'alikwasa obuvunaanyizibwa
obw'okulabirira abaweereza be n'okugaba emmere mu kiseera ekituufu?
43 Alina omukisa mukama we bw'alikomawo gw'alisanga ng'atuukiriza
bulungi emirimu gye.
44 Ddala ddala mbagamba nti mukama we alimukwasa okulabirira
ebintu bye byonna.
45 Naye singa omuddu oyo alowooza mu mutima gwe nti, 'Mukama
wange ajja kulwawo okudda,' n'adda ku baweereza banne, n'abakuba,
n'ebiseera bye n'abimala mu kulya ne mu kunywa ne mu kutamiira,
46 mukama we agenda kudda mu kiseera ky'atamusuubira,
amubonereze, era amusuule eyo abatakkiriza gye bali.
47 "Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka
ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene.
48 Naye ataamanya n'akola ebisaanidde okumukubya alikubwa kitono.
Oyo aweebwa ebingi alisuubirwamu bingi, n'oyo gwe basigira ebingi,
alivunaanyizibwa bingi okusingawo.
49 "Najja kuleeta muliro ku nsi, era kyandibadde kirungi singa
gukoledde!
50 Nninayo okubatizibwa kwe ndibatizibwa, naye nzija kuba mu nnaku
nnyingi nga tekunnaba kutuukirizibwa!
51 Mulowooza nti najja kuleeta mirembe ku nsi? Mbategeeza nti sajja
kuleeta mirembe wabula okwawukana.
52 Okuva kaakano amaka gajjanga kwawukanamu, ag'abantu abataano,
abasatu ku bo nga bawakanya ababiri, n'ababiri nga bawakanya abasatu.
53 Kitaawe w'omwana alyawukana ne mutabani we, n'omwana
n'ayawukana ne kitaawe, ne nnyina w'omwana alyawukana ne muwala
we n'omuwala n'ayawukana ne nnyina, ne nnyazaala balyawukana ne
muka mwana we ne muka mwana n'ayawukana ne nnyazaala we."

### *Okunnyonnyola Ebiriwo*

54 Awo Yesu n'akyukira ekibiina n'abagamba nti, "Bwe mulaba ebire
nga byekuluumulula ebugwanjuba, amangwago mugamba nti, 'Enkuba
egenda kutonnya,' era n'etonnya.

55 Ate empewo bw'ekunta ng'eva ku bukiikaddyo, mugamba nti, 'Leero
akasana kajja kwaka nnyo,' era bwe kiba.
56 Bannanfuusi mmwe! Musobola bulungi okunnyonnyola obubonero
obuli ku nsi ne mu bbanga, muyinza mutya obutamanya obubonero
obw'omu kiseera kino?
57 "Lwaki temwesalirawo ekyo kye mulaba nga kituufu?
58 Bw'obanga ogenda n'akuwawaabira mu mbuga z'amateeka, gezaako
okumusaba ensonga zammwe muzimalire mu kkubo nga tezinnatuuka wa
mulamuzi, talwa kukutwala wa mulamuzi, n'omulamuzi n'akuwaayo eri
omuserikale, n'omuserikale n'akusibira mu kkomera.
59 Kubanga nkutegeeza nti togenda kuvaayo okutuusa nga ne sente
esembayo omaze okugisasula."

# 13

*Kwenenya oba Kuzikirira*

1 Mu kiseera ekyo ne wabaawo abategeeza Yesu nga Piraato bwe yatta
Abagaliraaya, omusaayi gwabwe n'agutabula mu biweebwayo byabwe.
2 Yesu n'abagamba nti, "Mulowooza nti Abagaliraaya abo baali
boonoonyi nnyo okusinga Abagaliraaya abalala bonna, balyoke babonee-
bone batyo?
3 Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya nammwe mugenda kuzikirira
ng'abo bwe baazikirira.
4 Ate bali ekkumi n'omunaana omunaala gwa Sirowamu be gwagwako,
ne gubatta, mulowooza be baali basinga obwonoonyi okusinga abantu
abaabeeranga mu Yerusaalemi bonna?
5 Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya nammwe bwe mugenda
okuzikirira bwe mutyo."

*Olugero lw'Omutiini Ogutabala*

6 Awo Yesu n'abagerera olugero luno nti, "Waaliwo omusajja eyasimba
omutiini mu nnimiro ye. N'agendangayo okugulambula okulaba obanga
gubazeeko ebibala, n'asanga nga tegubazeeko kibala na kimu.
7 Kyeyava alagira omusajja we amulimira ennimiro eyo nti, 'Omuti guno
gutemewo. Kubanga gino emyaka esatu nga nambula omuti guno, naye
tegubalangako kibala na kimu. Gwemalira bwereere ettaka lyaffe.'
8 Omulimi we n'addamu nti, 'Mukama wange, tuguleke tetugutemawo.
Ka tuguweeyo omwaka gumu, nzija kugutemeratemera era nguteekeko
n'ebigimusa.
9 Bwe gulibala ebibala gye bujja, kiriba kirungi! Naye bwe gutalibala,
olwo noolyoka ogutemawo.' "

*Yesu Awonya Omukazi Omulema ku Ssabbiiti*

10 Awo ku lunaku lwa Ssabbiiti Yesu yali ng'ayigiriza mu kkuŋŋaaniro,
11 ne wabaawo omukazi eyaliko omuzimu ogwamulwaza okumala
emyaka kkumi na munaana, nga yeewese emirundi ebiri era nga tasobola
kwegolola.
12 Yesu n'amulaba, n'amuyita n'amugamba nti, "Mukazi wattu,
owonyezeddwa obulwadde bwo."
13 N'amukwatako. Amangwago omukazi ne yeegolola n'ayimirira
bulungi, n'atendereza Katonda!
14 Naye omukulembeze w'ekkuŋŋaaniro eryo n'anyiiga nnyo, kubanga
Yesu yawonya ku lunaku lwa Ssabbiiti. N'agamba ekibiina nti, "Mu

wiiki mulimu ennaku mukaaga, muyinza okujjanga mu nnaku ezo ne muwonyezebwa, naye so si ku Ssabbiiti!”

15 Mukama waffe n’amuddamu nti, “Bannanfuusi mmwe! Buli omu ku mmwe tasumulula nte ye oba ndogoyi ye ku Ssabbiiti n’agitwala okunywa amazzi?
16 Naye si kituufu omukazi ono, muwala wa Ibulayimu, okusumululwa ku Ssabbiiti mu busibe bwa Setaani bw’amazeemu emyaka ekkumi n’omunaana?”
17 Bwe yayogera bw’atyo abaali bamuwakanya bonna ne baswala, naye ekibiina ky’abantu bonna ne bajjula essanyu olw’ebintu eby’ekitalo bye yakola.

### *Olugero lw’Akaweke ka Kaladaali*

18 Awo Yesu kyeyava abayigiriza ng’agamba nti, “Obwakabaka bwa Katonda bufaanana na ki? Mbugeraageranye na ki?
19 Bufaanana na kaweke ka kaladaali omusajja ke yasiga mu nnimiro ye. Kaamera ne kavaamu omuti, n’ennyonyi ez’omu bbanga ne zituula ku matabi gaagwo.”
20 Ate era n’agamba nti, “Obwakabaka bwa Katonda mbugeraageranye na ki?
21 Buliŋŋanga ekizimbulukusa omukazi kye yatabulira mu bipimo by’obuwunga bisatu okutuusa obuwunga bwonna lwe bwazimbulukuka.”

### *Omulyango Omufunda*

22 Awo Yesu n’ayita mu bibuga ne mu bubuga; yagendanga ayigiriza ng’ali ku lugendo lwe ng’agenda e Yerusaalemi.
23 Ne wabaawo eyeewuunya nti, “Mukama waffe, abantu abalirokolebwa nga baliba batono?”
Yesu n’addamu nti,
24 “Mufube okuyingira mu mulyango omufunda kubanga mbagamba nti, bangi balyagala okuyingira naye tebalisobola.
25 Nannyinimu bw’alisituka n’aggalawo oluggi, mugenda kubeera bweru nga mukonkona nga bwe mwegayirira nti, ‘Mukama waffe, tuggulirewo.’ Agenda kubaanukula nti, ‘Sibamanyi, ne gye muva simanyiiyo.’
26 Nammwe muliddamu nti, ‘Twalyanga naawe era twanywanga ffenna, era wayigirizanga mu nguudo z’ewaffe.’
27 Naye alibaddamu nti, ‘Sibamanyi, ne gye muva simanyiiyo. Munviire mwenna abakozi b’ebitali bya bituukirivu.’
28 Era waliba okukuba ebiwoobe n’okuluma obujiji bwe muliraba Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo ne bannabbi bonna nga bali mu bwakabaka bwa Katonda, naye nga mmwe musuulibbwa ebweru.
29 Kubanga abantu baliva ebuvanjuba n’ebugwanjuba, ne bava ne mu bukiikakkono ne mu bukiikaddyo, ne batuula ku mmeeza mu bwakabaka bwa Katonda.
30 Era laba, abooluvannyuma baliba aboolubereberye, n’aboolubereberye baliba abooluvannyuma.”

### *Yesu Anakuwalira Yerusaalemi*

31 Mu kiseera ekyo ne wabaawo abamu ku Bafalisaayo abajja eri Yesu ne bamugamba nti, “Tambula ove wano, kubanga Kerode ayagala kukutta.”
32 Yesu n’abaddamu nti, “Mugende mugambe ekibe ekyo nti laba ngoba baddayimooni, n’okuwonya abalwadde, leero, n’enkya, era ku lunaku olwokusatu ndimaliriza.

33 Naye leero, n'enkya, ne luli nsaana mbeere ku lugendo lwange nga
ntambula, kubanga tekisoboka nnabbi okufiira ebweru wa Yerusaalemi!
34 "Ggwe Yerusaalemi, ggwe Yerusaalemi, atta bannabbi, n'okuba
amayinja abo ababa batumiddwa gy'oli, emirundi nga mingi nnyo gye
njagadde okukuŋŋaanya abaana bo ng'enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana
bwayo mu biwaawaatiro byayo, naye n'ogaana!
35 Kale laba ennyumba yammwe erekeddwa awo. Era mbagamba
nti temugenda kuddayo kundaba okutuusa ekiseera lwe kirituuka ne
mugamba nti, 'Aweereddwa omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama.' "

# 14

*Yesu Awonya Omulwadde w'Entumbi ku Ssabbiiti*

1 Awo olwatuuka ku lunaku lwa Ssabbiiti, Yesu bwe yali ng'agenze
okulya mu nnyumba ey'omu ku bakulembeze b'Abafalisaayo, abantu
bonna abaaliwo ne bamwekaliriza amaaso.
2 Waaliwo omusajja omulwadde w'entumbi ng'atudde okwolekera Yesu
we yali.
3 Awo Yesu n'abuuza Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka nti,
"Kikkirizibwa okuwonya ku lunaku lwa Ssabbiiti, oba nedda?"
4 Yesu yalaba tebazzeemu, kwe kukwata omusajja omulwadde ku
mukono, n'amuwonya, n'amugamba yeetambulire.
5 N'alyoka abakyukira n'ababuuza nti, "Ani ku mmwe singa omwana we
agwa mu kinnya oba ente ye n'egwa mu kinnya ku lunaku lwa Ssabbiiti,
atamuggyayo oba atagiggyaayo mangwago?"
6 Era ne batamuddamu.

*Okwetoowaza ku Bugenyi*

7 Awo Yesu bwe yalaba abagenyi abaayitibwa n'abagerera olugero
ng'agamba nti,
8 "Bwe bakuyitanga ku mbaga ey'obugole, teweetuuzanga mu kifo
ekisinga okuba eky'ekitiibwa kubanga singa ejjayo omugenyi akusinga
ekitiibwa,
9 eyakuyise ku mbaga ajja kumuleeta awo w'otudde akugambe nti,
'Viira ono atuule awo w'otudde.' Noolyoka ositukawo ng'oswadde ogende
onoonye ekifo ekirala emabega.
10 Naye bwe bakuyitanga, otuulanga mu kifo eky'emabega, kale nno
eyakuyise bw'ajja alyoke akugambe nti, 'Mukwano gwange, jjangu
nkutwale mu kifo eky'omu maaso.' Noolyoka osituka nga ne bagenyi
banno bakuwa ekitiibwa.
11 Kubanga buli muntu eyeegulumiza alitoowazibwa; n'oyo eyeetoowaza
aligulumizibwa."
12 Awo Yesu n'akyukira eyamuyita n'amugamba nti, "Bw'otegekanga
ekyemisana oba ekyeggulo, toyitanga mikwano gyo, wadde baganda bo,
wadde ab'olulyo lwo, wadde baliraanwa bo abagagga; kubanga bw'okola
otyo nabo bayinza okukuyita olulala ne baba ng'abakusasula.
13 Naye bw'ofumbanga ekijjulo, oyitanga abaavu, n'abagongobavu,
n'abalema ne bamuzibe.
14 Oliweebwa omukisa kubanga bo tebalina kya kukusasula. Olisas-
ulibwa mu kuzuukira kw'Abatuukirivu."
15 Omu ku bagenyi abaali batudde ku mmeeza bwe yawulira ebigambo
ebyo n'agamba Yesu nti, "Alina omukisa oyo alirya embaga mu bwakabaka
bwa Katonda."

16 Yesu n’amuddamu nti, “Waaliwo omusajja eyateekateeka okufumba embaga ennene, n’ayita abantu bangi.

17 Bwe yamala okutegeka, n’atuma omuddu we agende ategeeze abaayitibwa nti, ‘Mujje byonna biwedde okutegeka.’

18 “Naye bonna ne batandika okwewolereza; eyasooka n’agamba nti, ‘Nnaakagula ennimiro noolwekyo njagala kugenda kugirambula. Nkusaba onsonyiwe, nneme kujja.’

19 “Omulala n’agamba nti, ‘Nnakagula emigogo gy’ente ezirima etaano njagala kuzigezaamu. Nkusaba onsonyiwe nneme kujja.’

20 “Omulala n’agamba nti, ‘Nnawasizza omukazi noolwekyo sisobola kujja.’

21 “Omuddu n’akomawo n’ategeeza mukama we ng’abagenyi be yayita bwe bagambye. Mukama we n’anyiiga, n’amulagira agende mangu mu nguudo ez’omu kibuga ne mu bikubo, ayite abaavu n’abagongobavu, n’abalema, ne bamuzibe.

22 “Omuddu n’agamba mukama we nti, ‘Bonna mbayise nga bw’ondagidde, naye era mu kisenge ky’embaga mukyalimu ebifo.’

23 “N’agamba omuddu we nti, ‘Genda mu nguudo ez’omu byalo ne mu bukubo obutono okubirize b’onoosangayo bajje, ennyumba yange ejjule.

24 Era mbategeeza nti tewali n’omu ku abo be nayita alirya ku mbaga yange.’ ”

25 Awo ebibiina by’abantu bangi nnyo bwe baali bagoberera Yesu, n’akyuka n’abagamba nti,

26 “Omuntu bw’anajjanga gye ndi, n’atakyawa kitaawe, oba nnyina, oba mukyala we n’abaana be, oba baganda be oba bannyina, newaakubadde obulamu bwe ye yennyini, tayinzenga kuba muyigirizwa wange.

27 Era oyo ateetikka musaalaba gwe n’angoberera, tayinza kuba muyigirizwa wange.

28 “Singa omu ku mmwe ayagala okuzimba omulungooti, tamala kutuula n’abalirira omuwendo omulimu ogwo gwe gunaatwala, n’alaba obanga ensimbi ezeetaagibwa azirina okugumaliriza?

29 Kubanga singa tagumaliriza n’akoma ku musingi gwokka, buli agulaba atandika okumusekerera,

30 nga bw’agamba nti, ‘Omuntu ono yatandika okuzimba naye n’alemwa okumaliriza!’

31 “Oba kabaka ki agenda okulwana ne kabaka omulala amulumba, tamala kutuula n’abalirira obanga n’abaserikale omutwalo ogumu b’alina, asobola okulwanyisa kabaka omulala ajja okumulumba n’abaserikale emitwalo ebiri?

32 Bw’afumiitiriza n’alaba nga tajja kusobola, atumira kabaka oli omubaka, ng’akyaliko wala, okuteesa emirembe.

33 Kale, buli muntu ku mmwe ateefiiriza byonna by’alina, tayinza kuba muyigirizwa wange.

34 “Omunnyo mulungi, naye singa guggwaamu ensa, guzibwamu gutya obuka bwagwo?

35 Guba tegukyalina mugaso n’akamu mu ttaka wadde ne mu bigimusa, noolwekyo gusuulibwa bweru. Alina amatu agawulira awulire.”

# 15

### *Olugero lw’Endiga Eyabula*

1 Awo abasolooza b'omusolo n'abakozi b'ebibi ne bakuŋŋaanira eri Yesu
okumuwuliriza.
2 Naye Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka ne beemulugunya nga
bagamba nti Yesu akolagana n'abantu abalina ebibi, n'okulya n'alya nabo.
3 Yesu n'alyoka abagerera olugero luno ng'agamba nti,
4 "Singa omu ku mmwe abadde alina endiga kikumi, naye emu
n'emubulako, taleka ziri ekyenda mu omwenda ku ttale n'agenda anoonya
eri ebuze okutuusa Lw'agiraba?
5 Bw'agiraba, agisitula ku bibegabega bye n'agitwala eka ng'ajaguza.
6 Bw'atuuka eka ayita mikwano gye ne baliraanwa be bajje ng'agamba
nti, 'Munsanyukireko kubanga endiga yange eyabadde ebuze, erabise.'
7 Mu ngeri y'emu, mbagamba nti mu ggulu eribaayo essanyu lingi nnyo
olw'omwonoonyi omu eyeenenyezza okusinga ekyenda mu omwenda
abatuukirivu abateetaaga kwenenya."

*Olugero lw'Ennoso Eyabula*

8 "Oba mukazi ki alina ennoso ze kkumi, emu n'emubulako, atakoleeza
ttaala n'anoonya mu buli kasonda konna ak'ennyumba, n'ayera n'ebuziizi
yenna okutuusa lw'agiraba?
9 Bw'agiraba, ayita mikwano gye ne baliraanwa be n'abagamba nti,
'Munsanyukireko, ennoso yange eyabadde ebuze ngirabye.'
10 Mbategeeza nti mu ngeri y'emu omukozi w'ebibi omu bwe yeenenya,
bamalayika ba Katonda bajjula essanyu."

*Olugero lw'Omwana Eyazaawa*

11 Awo Yesu n'abagamba nti, "Waaliwo omusajja eyalina batabani be
babiri.
12 Omuto n'agamba kitaawe nti, 'Kitange, nkusaba ompe omugabo
gwange ku bintu byo ogunsaanidde.' Kitaawe n'abagabanyiza ebintu
byabwe.
13 "Waayitawo ennaku ntono, omwana omuto n'asibako ebintu bye
byonna ne yeetambulira, n'agenda mu nsi ey'ewala. Bwe yatuuka eyo
n'asaasaanya ebintu bye ne yeemalira mu binyumu.
14 Mu kiseera ekyo we yamalirawo ebintu bye byonna, n'enjala nnyingi
we yagwira mu nsi omwo mwe yali, n'asiibanga era n'asulanga enjala.
15 N'agenda abeere ew'omwami omu ow'omu nsi omwo n'amusaba
amuwe omulimu, n'amusindika gye yalundiranga embizzi azirabirirenga.
16 Omulenzi ne yeegombanga okulyanga ebikuta by'embizzi, naye ne
watabaawo amuwa kantu konna.
17 "Naye bwe yeddamu n'agamba nti, 'Eka ewaffe, abasajja abapakasi
aba kitange bafuna emmere nnyingi ne balya ne balemwa, naye nze ndi
wano nfiira wano enjala!
18 Nnaagenda eri kitange, mugambe nti, Kitange, nnyonoonye eri eggulu
ne mu maaso go,
19 era sikyasaanira na kuyitibwa mwana wo. Nfunira omulimu mbeere
ng'abapakasi bo.'
20 Bw'atyo n'asitula n'addayo ewa kitaawe.
"Naye bwe yali ng'akyaliko wala n'awaka, kitaawe n'amulengera
ng'ajja, n'amusaasira nnyo. Kitaawe ng'ajjudde amaziga n'amusisinkana,
n'amugwa mu kifuba n'amunywegera.
21 Omwana n'agamba kitaawe nti, 'Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne
mu maaso go. Sikyasaanira kuyitibwa mwana wo.'

22 “Naye kitaawe n’alagira abaddu be nti, ‘Mwanguwe mangu! Muleete
ekkanzu esinga obulungi mugimwambaze. Mumunaanike empeta ku
ngalo ye, mumwambaze n’engatto!
23 Era mugende mutte ennyana eya ssava. Tufumbe embaga nnene
tujaguze.
24 Kubanga mutabani wange ono yali afudde kaakano mulamu, yali
azaaye laba wuuno azaawuse.’ Embaga n’etandika.
25 “Mu kiseera ekyo omwana omukulu yali ali mu nnimiro. Awo
bwe yali akomawo eka ng’asemberedde ennyumba, n’awulira ennyimba
ez’amazina.
26 N’ayita omu ku baweereza n’amubuuza bwe bibadde.
27 Omuweereza n’amutegeeza nti, ‘Muganda wo akomyewo, era ki-
tammwe amuttidde ennyana eya ssava olwokubanga muganda wo
akomyewo nga mulamu bulungi.’
28 “Muganda we omukulu n’anyiiga, n’okuyingira n’atayingira mu
nnyumba. Naye kitaawe n’ajja n’amwegayirira ayingire,
29 naye omwana n’amuddamu nti, ‘Emyaka gino gyonna nkukoledde,
era tewali mulundi na gumu Lwe wali ondagidde ne nkujeemera. Naye
tompangayo wadde akabuzi akato neesanyuseeko ne mikwano gyange.
30 Naye kale mutabani wo olukomyewo ng’ebintu byo bye wamuwa
amaze okubimalira mu bamalaaya, n’omuttira ennyana ensava.’
31 “Kitaawe n’amuddamu nti, ‘Laba mwana wange, tuli ffenna bulijjo,
era byonna bye nnina bibyo.
32 Kaakano kituufu okusanyuka n’okujaguza. Kubanga muganda wo,
yali afudde, kaakano mulamu! Yali azaaye, wuuno azaawuse!’ ”

# 16

*Omuwanika Omukalabakalaba*

1 Awo Yesu n’agamba abayigirizwa be nti, “Waaliwo omusajja omugagga
ng’alina omuwanika we amulabiririra ebintu bye. Ne wabaawo abaamu-
loopera nti omuwanika oyo yali asaasaanya ebintu bye, ng’abidiibuuda.
2 Mukama we n’amuyita n’amubuuza nti, ‘Biki ebyo bye nkuwulirako?
Kale genda otegeke lipoota y’ebintu byange nga bwe biri ogindeetere.
Omulimu gukufudde.’
3 “Omuwanika n’alowooza mu mutima gwe, nga yeebuuza nti, ‘Kale
kaakano nkole ntya? Mukama wange wuuno angoba ku mulimu. Sirina
maanyi galima, n’okusabiriza kunkwasa ensonyi.
4 Ekinaasobozesa abantu okunsembeza mu maka gaabwe, nga bwe
ngobeddwa ku mulimu, nkifunye.’
5 “N’agenda ng’ayita buli eyalina ebbanja ku mukama we. Gwe yasook-
erako n’amubuuza nti, ‘Ebbanja mukama wange ly’akubanja lyenkana wa
obunene?’ ”
6 “Omusajja n’addamu nti, ‘Ammanja endebe z’omuzigo kikumi mu
ataano.’ Omuwanika n’amugamba nti, ‘Kwako empapula zo kw’obanjirwa
ogende owandiike endebe amakumi ataano.’
7 “Omuwanika n’adda ku wookubiri n’amubuuza nti, ‘Ggwe obanjibwa
ki?’
“N’addamu nti, ‘Ebigera by’obuwunga bw’eŋŋaano kikumi.’ ”
“Omuwanika n’amugamba nti, ‘Kwako empapula zo kw’obanjirwa,
owandiike endala osseeko ebigera kinaana.’

8 “Mukama we n’atenda nnyo omuwanika we atali mwesigwa olw’obukalabakalaba bwe. Kubanga abaana b’omulembe guno bagezigezi okusinga abaana b’omusana ab’omu mulembe gwabwe.”

*Enkozesa y’Obugagga Entuufu*

9 “Era mbategeeza nti mwefunire emikwano mu bugagga obutali butuukirivu, bwe buliggwaawo balyoke babasembeze mu weema ezitaggwaawo.
10 Omuntu omwesigwa mu kintu ekitono, abeera mwesigwa ne mu kinene; n’oyo ataba mwesigwa mu kitono era ne mu kinene taba mwesigwa.
11 Kale obanga temwesigibwa mu bugagga obutali butuukirivu, ani agenda okubeesiga mu bugagga obw’amazima?
12 Obanga toli mwesigwa ku by’omulala, kale ani alikwesiga n’akukwasa ebibyo?
13 “Tewali muddu ayinza kuweereza bakulu babiri. Kubanga alikyawako omu n’ayagala omulala, oba aliwulirako omu n’anyooma omulala. Toyinza kuweereza Katonda na mamona.”

*Amateeka ga Musa n’Obwakabaka bwa Katonda*

14 Awo Abafalisaayo, abaali abaluvu b’ensimbi, bwe baawulira ebigambo ebyo ne banyooma Yesu.
15 N’abagamba nti, “Mmwe mweraga mu bantu, naye Katonda amanyi emitima gyammwe. Okwerimbalimba kwammwe kubaweesa ekitiibwa mu maaso g’abantu, naye nga kya muzizo eri Katonda.
16 “Yokaana Omubatiza bwe yali nga tannabuulira, amateeka n’obubaka bwa bannabbi byabuulirwa. Naye okuva olwo obwakabaka bwa Katonda bubuulirwa, ne buli muntu ayitibwa abuyingiremu mu bwangu ddala.
17 Naye kyangu eggulu n’ensi okuggwaawo okusinga n’akatundu k’ennukuta emu ey’amateeka okuggwaawo.
18 “Omusajja yenna agoba mukazi we n’awasa omulala aba ayenze; n’oyo awasa omukazi agobeddwa, naye aba ayenze.”

*Omugagga ne Laazaalo*

19 Awo Yesu n’abagamba nti, “Waaliwo omusajja omugagga ennyo, eyayambalanga engoye ez’effulungu ne linena era bulijjo ng’abeera mu masanyu era ng’alya ebyassava.
20 Waaliwo n’omusajja omwavu erinnya lye nga ye Laazaalo nga mulwadde ng’ajjudde amabwa ku mubiri gwe, eyateekebwanga ku mulyango gw’omusajja omugagga.
21 Laazaalo ne yeegombanga okulya obukunkumuka obwagwanga wansi nga buva ku mmeeza ya nnaggagga. N’embwa zajjanga ne zikomberera amabwa ga Laazaalo.
22 “Ekiseera kyatuuka omusajja omwavu n’afa, bamalayika ne bamutwala mu kifuba kya Ibulayimu. Oluvannyuma n’omugagga naye n’afa, n’aziikibwa.
23 Naye ng’ali eyo mu magombe mu kubonaabona, n’atunula waggulu n’alaba Laazaalo ng’ali mu kifuba kya Ibulayimu.
24 N’akoowoola nti, ‘Kitange Ibulayimu, nsaasira, ontumire Laazaalo oyo annyike olugalo Lwe mu mazzi, nkombeko, naye olulimi lumbabuukirira nnyo mu muliro guno ogumbonyaabonya!’
25 “Naye Ibulayimu n’amuddamu nti, ‘Mwana wange, jjukira nga mu biseera byo ng’okyali mulamu wafuna ebirungi bye weetaaganga, naye

nga Laazaalo ye afuna bibi. Kaakano Laazaalo asanyusibwa naye gwe oli mu kubonaabona.
26 Ate n'ekirala, wakati waffe nammwe waliwo olukonko luwanvu nnyo olutwawula, omuntu ali eno bw'ayagala okujja eyo akoma awo ku mugo gwalwo, n'oyo ali eyo ayagala okujja eno tasobola.'
27 "Awo nnaggagga n'ayaziirana nti, 'Ayi kitange Ibulayimu, nkwegayiridde ntumira Laazaalo oyo mu maka ga kitange,
28 kubanga nninayo abooluganda bataano, abandabulire, bwe balifa baleme kujja mu kifo kino ekirimu okubonaabona okwenkanidde wano.'
29 Naye Ibulayimu n'amugamba nti, 'Balina Musa ne bannabbi, kale bawulire abo.'
30 "Omugagga n'addamu nti, 'Nedda, kitange Ibulayimu, singa batumirwa omuntu ng'ava mu bafu, bajja kwenenya.'
31 "Awo Ibulayimu n'amugamba nti, 'Obanga tebagondera Musa ne bannabbi, newaakubadde alizuukira okuva mu bafu talibakkirizisa.' "

# 17

### *Ekibi, Okukkiriza, Omulimu*

1 Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Ebikemo ebireetera abantu okwonoona tebiyinza butajja, naye zimusanze omuntu oyo abireeta.
2 Ekyandisinze kwe kusiba olubengo mu bulago bwe n'asuulibwa mu nnyanja okusinga okwesittaza omu ku baana bano abato.
3 Mwekuume.
"Muganda wo bw'ayonoonanga, omunenyanga; era singa yeenenya omusonyiwanga.
4 Ne bw'akusobyanga emirundi omusanvu mu lunaku olumu, naye buli mulundi n'ajja gy'oli n'akwenenyeza, musonyiwenga."
5 Awo abatume ne bagamba Mukama waffe nti, "Twongereko okukkiriza."
6 Mukama waffe n'abagamba nti, "Singa okukkiriza kwammwe kuba ng'akaweke ka kaladaali, mwandigambye omukenene guno nti, 'Siguka ogwe mu nnyanja,' era ne gubagondera.
7 "Naye ani ku mmwe, ng'omuddu we yaakakomawo okuva okulima oba okulunda endiga, amugamba nti, 'Jjangu mangu otuule ku mmere?'
8 Tamugamba nti, 'Teekateeka emmere yange, weerongoose olabike bulungi, olyoke ompeereze nga ndya era nga nnywa, bwe nnaamala naawe n'onywa era n'olya emmere yo?'
9 Mulowooza nti Mukama w'omuweereza oyo amwebaza olw'okugondera bye yalagirwa okukola?
10 Nammwe bwe mutyo bwe mumalanga okutuukiriza ebyo ebyabagambibwa okukola, mugambenga nti, 'Ffe abaddu bo abatasaanira tukoze omulimu gwaffe ogututugwanidde.' "

### *Abagenge Kkumi Bawonyezebwa*

11 Awo Yesu bwe yali yeeyongerayo mu lugendo lwe ng'agenda e Yerusaalemi, n'akwata ekkubo eriyita wakati wa Ggaliraaya ne Samaliya.
12 Awo bwe yayingira mu kabuga akamu, abasajja kkumi nga bonna bagenge ne bajja okumusisinkana. Ne bayimirira walako
13 ne bakoowoola mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Yesu, Mukama waffe, tukwatirwe ekisa!"

14 Yesu bwe yabalaba n'abagamba nti, "Mugende mweyanjule eri bakabona." Bwe baali nga bagenda ne bawona ne baba balongoofu.
15 Omu ku bo bwe yalaba ng'awonye n'akomawo eri Yesu nga bw'aleekaanira waggulu ng'atendereza Katonda.
16 N'agwa wansi ku bigere bya Yesu ng'amwebaza. Omusajja oyo yali Musamaliya.
17 Yesu n'agamba nti, "Ekkumi bonna tebaawonyezebbwa? Omwenda bo baluwa?
18 Tebayinzizza kudda kutendereza Katonda wabula munnaggwanga ono yekka y'akomyewo?"
19 Awo Yesu n'amugamba nti, "Situka weetambulire, okukkiriza kwo kukuwonyezza."

### *Okujja kw'Obwakabaka bwa Katonda*

20 Awo Abafalisaayo ne babuuza Yesu nti, "Obwakabaka bwa Katonda
bulijja ddi?" Yesu n'abaddamu nti, "Obwakabaka bwa Katonda tebulabika
nga bujja,
21 era abantu tebagenda kugamba nti, 'Laba buubuno wano,' oba nti, 'Buubuli wali,' kubanga obwakabaka bwa Katonda buli mu mmwe."
22 Oluvannyuma n'agamba abayigirizwa be nti, "Ekiseera kijja lwe mulyegomba okulaba olumu, ku nnaku z'Omwana w'Omuntu, naye temulirulaba.
23 Balibagamba nti lwe luno era nti lwe luli temugendanga era temubagobereranga.
24 Kubanga ng'eggulu bwe limyansiza ku ludda olumu olw'eggulu ate ne limyansiza ku ludda olulala olw'eggulu, bw'atyo bw'aliba Omwana w'Omuntu ku lunaku lwe,
25 Naye okusooka kimugwanira okubonaabona mu bintu bingi, n'okugaanibwa, abantu ab'omulembe guno.
26 "Nga bwe kyali mu biseera bya Nuuwa, era bwe kityo bwe kiriba ne mu biseera by'Omwana w'Omuntu.
27 Abantu baali balya nga banywa nga bawasa era nga bafumbirwa okutuusa ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato. Olwo amataba ne gajja ne gasaanyaawo buli kintu.
28 "Era kiriba nga bwe kyali mu nnaku za Lutti. Abantu baali balya nga banywa, nga bagula era nga batunda, nga balima era nga bazimba amayumba,
29 okutuusa ku lunaku Lutti lwe yava mu Sodomu. Olwo omuliro n'olunyata ne biyiika okuva mu ggulu ne bizikiriza buli kimu.
30 "Bwe bityo bwe biriba ku lunaku, Omwana w'Omuntu lw'alirabikirako.
31 Ku lunaku olwo omuntu yenna aliba waggulu ku nju, takkanga mu nju munda kuggyamu bintu bye. N'abo abaliba mu nnimiro tebaddangayo eka okubaako ne bye banonayo.
32 Mujjukire mukazi wa Lutti!
33 Buli anoonya okuwonya obulamu bwe alibufiirwa, naye buli eyeefiiriza obulamu bwe alibuwonya.
34 Mbagamba nti ku lunaku olwo abantu babiri baliba ku kitanda kimu, Omu alitwalibwa naye munne n'alekebwa.
35 Abantu babiri baliba basa ku lubengo, omu alitwalibwa naye munne alirekebwa.
36 Abasajja babiri baliba mu nnimiro, omu alitwalibwa naye munne alirekebwa."

37 Awo abayigirizwa be ne bamubuuza nti, “Mukama waffe, nga batwalibwa wa?”
Yesu n’abaddamu nti, “Awaba ekifudde awo ensega* we zirikuŋŋaanira!”

# 18

*Olugero lwa Nnamwandu n’Omulamuzi*

1 Awo Yesu n’agerera abayigirizwa be olugero ng’agamba nga bwe bagwanidde obutakoowanga kusaba n’obutaggwaamu mwoyo, ng’agamba nti,
2 “Waaliwo omulamuzi mu kibuga ekimu, nga tatya Katonda era nga tafa ku muntu yenna.
3 Mu kibuga ekyo mwalimu nnamwandu eyajjanga ew’omulamuzi oyo buli lunaku ng’amwegayirira nti, ‘Nnamula n’omulabe wange.’
4 “Omulamuzi n’amala ebbanga ng’akyagaanyi. Naye oluvannyuma n’agamba mu mutima gwe nti, ‘Newaakubadde nga sitya Katonda era nga sirina muntu gwe nzisaamu kitiibwa,
5 naye olwokubanga nnamwandu ono aneetayiridde nnyo, nzijja kumumalira ensonga ze, kubanga ajja kunkooya olw’okuneetayirira ng’ajja gye ndi buli lunaku!’ ”
6 Awo Mukama waffe n’agamba nti, “Muwulire omulamuzi atali wa mazima bw’agamba.
7 Kale Katonda talisingawo nnyo kulamula abantu be, be yeerondera, abamukaabirira emisana n’ekiro ate ng’abagumiikiriza?
8 Mbagamba nti agenda kubalamula mangu. Naye Omwana w’Omuntu, bw’alijja, alisanga okukkiriza ku nsi?”
9 Awo Yesu n’agerera olugero luno abo abeerowooza nga batuukirivu nga banyoomoola n’abantu abalala, n’agamba nti,
10 “Abantu babiri baayambuka mu Yeekaalu okusaba, omu yali Mufalisaayo n’omulala nga muwooza.
11 Omufalisaayo n’ayimirira n’atandika okusaba nga yeeyogerako nti, ‘Nkwebaza, Katonda, kubanga sifaanana ng’abantu abalala: ab’omululu, abalyazaamaanyi, abenzi, oba omuwooza ono.
12 Nsiiba emirundi ebiri mu wiiki, era mpaayo eri Katonda, ekimu eky’ekkumi ku bintu byonna bye nfuna.’
13 “Naye omuwooza n’ayimirira wala n’atasobola na kuyimusa maaso ge kutunula eri eggulu ng’asaba, wabula ne yeekuba mu kifuba ng’asaba nti, ‘Katonda, onsaasire, nze omwonoonyi.’
14 “Mbagamba nti omusajja ono, omuwooza ye yaddayo eka ng’asonyiyiddwa ebibi bye. Kubanga buli eyeegulumiza alitoowazibwa, n’oyo eyeetoowaza aligulumizibwa.”

*Yesu n’Abaana Abato*

15 Lumu ne wabaawo abaaleetera Yesu abaana baabwe abato abakwateko abawe omukisa. Naye abayigirizwa bwe baakiraba ne bajunga abaabaleeta.
16 Naye Yesu abaana n’abayita, n’agamba nti, “Muleke abaana abato bajje gye ndi, temubagaana, kubanga abali nga bano be b’obwakabaka bwa Katonda.

* **17:37** Empungu mu Luyonaani, naye e Buganda okusinga tulina nsega

17 Ddala ddala mbagamba nti atayaniriza bwakabaka bwa Katonda
ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono."

*Omukungu Omugagga*

18 Awo omu ku bakulembeze b'Abayudaaya n'abuuza Yesu nti, "Omuyi-
giriza omulungi, nkole ki okufuna obulamu obutaggwaawo?"
19 Yesu n'amuddamu nti, "Lwaki ompita omulungi? Tewali mulungi
n'omu wabula Katonda yekka.
20 Amateeka ogamanyi nti, 'Toyendanga, tottanga, tobbanga, tolimbanga,
kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa.' "
21 N'amuddamu nti, "Amateeka ago gonna ngagondedde ebbanga lyonna
okuva mu buto bwange."
22 Yesu bwe yawulira ebyo, n'amugamba nti, "Okyabulako ekintu kimu.
Genda otunde ebibyo byonna, ensimbi z'onoggyamu ozigabire abaavu,
olibeera n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere."
23 Naye bwe yawulira ebigambo ebyo n'agenda ng'anakuwadde nnyo,
kubanga yali mugagga nnyo.
24 Yesu bwe yamulaba ng'anakuwadde nnyo, n'ayogera nti, "Nga kizibu
omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!
25 Kyangu eŋŋamira okuyita mu nnyindo y'empiso okusinga omugagga
okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda."
26 Abo abaawulira ebyo kwe kubuuza nti, "Kale ani ayinza oku-
lokolebwa?"
27 Yesu n'addamu nti, "Ebitayinzika eri abantu, biyinzika eri Katonda."
28 Peetero n'amugamba nti, "Ffe twalekawo ebyaffe byonna ne tukugob-
erera!"
29 Yesu n'addamu nti, "Ddala ddala mbagamba nti teri muntu n'omu
eyalekawo amaka ge, oba omukazi we, oba baganda be, oba abazadde be,
oba abaana be, olw'obwakabaka bwa Katonda,
30 atalifuna mirundi mingi n'okusingawo mu mulembe guno, ate ne mu
mulembe ogugenda okujja aweebwe obulamu obutaggwaawo."

*Yesu Ayongera Okwogera ku Kufa kwe*

31 Awo Yesu n'azza ku bbali ekkumi n'ababiri, n'abagamba nti, "Laba,
twambuka e Yerusaalemi, era bwe tunaatuuka eyo, byonna bannabbi bye
bawandiika ku Mwana w'Omuntu, bijja kutuukirizibwa.
32 Ajja kuweebwayo eri Abamawanga okukudaalirwa n'okuvumibwa.
Balimuduulira, ne bamubonyaabonya, ne bamuwandira amalusu,
33 balimukuba era ne bamutta. Ne ku lunaku olwokusatu alizuukira."
34 Naye abayigirizwa be tebaategeera ky'agamba, amakulu gaakyo gaali
gabakwekeddwa, ne batategeera bye yayogera.

*Yesu Awonya Omuzibe w'Amaaso Omusabiriza*

35 Awo Yesu bwe yali ng'asemberera Yeriko, ne wabaawo omusajja
omuzibe w'amaaso eyali atudde ku kkubo ng'asabiriza.
36 Awo omusajja oyo bwe yawulira ng'ekibiina ky'abantu bayitawo,
n'abuuza nti, "Kiki ekyo?"
37 Ne bamuddamu nti, "Yesu Omunnazaaleesi ye ayitawo."
38 Omuzibe w'amaaso n'akoowoola nti, "Yesu, Omwana wa Dawudi,
onsaasire!"
39 Abo abaali bakulembeddemu ne bamuboggolera asirike, kyokka
ye ne yeeyongera bweyongezi okuleekaana nti, "Omwana wa Dawudi,
onsaasire!"

40 Awo Yesu n'ayimirira, n'alagira, omusajja bamumuleetere. Bwe
yasembera, Yesu n'amubuuza nti,
41 "Kiki ky'oyagala nkukolere?" Omusajja n'addamu nti, "Mukama
wange, njagala nziremu okulaba!"
42 Yesu n'amugamba nti, "Ddamu okulaba. Okukkirizakwo kuku-
wonyezza."
43 Amangwago n'addamu okulaba, n'agoberera Yesu ng'atendereza
Katonda. Bonna abaakiraba ne batendereza Katonda.

# 19

*Zaakayo Omusolooza w'Omusolo*

1 Awo Yesu n'atuuka mu kibuga Yeriko, n'ayitamu.
2 Mu kibuga omwo mwalimu omusajja erinnya lye Zaakayo; yali mukulu
wa bawooza, era yali mugagga nnyo.
3 N'afuba okulaba Yesu, naye n'atasobola ng'ali mu kibiina ky'abantu
kubanga yali mumpi.
4 Kyeyava adduka ne yeesooka ekibiina mu maaso, n'alinnya omuti
omusukamooli asobole okulaba Yesu ng'ayitawo.
5 Yesu bwe yatuuka awo n'atunula waggulu, n'amuyita nti, "Zaakayo!
Yanguwa okke wansi! Kubanga olwa leero ŋŋenda kuba mugenyi wo mu
maka go."
6 Awo Zaakayo n'akka mangu okuva ku muti n'atwala Yesu mu nnyumba
ye ng'ajjudde essanyu.
7 Abantu bonna abaakiraba ne batandika okwemulugunya nga bagamba
nti, "Agenze okukyalira omuntu alina ebibi."
8 Awo Zaakayo n'ayimirira n'agamba Mukama waffe nti, "Mukama
wange! Mpuliriza! Ebintu byange nnaabigabanyaamu wakati, ekitundu
ne nkiwa abaavu; era obanga waliwo omuntu gwe nnali ndyazaamaany-
izza, nnaamuliyira emirundi ena."
9 Yesu n'amugamba nti, "Olwa leero obulokozi buzze mu nnyumba
muno, kubanga omusajja ono naye muzzukulu wa Ibulayimu.
10 Kubanga Omwana w'Omuntu, yajjirira kunoonya n'okulokola abaab-
ula."

*Olugero lw'Ensimbi*

11 Awo nga bakyawuliriza ebyo, Yesu n'abagerera olugero olulala.
Mu kiseera ebyo yali asemberedde nnyo Yerusaalemi, era abantu ne
balowooza nti obwakabaka bwa Katonda bugenda kutandika mu kiseera
ekyo.
12 N'abagamba nti, "Waaliwo omukungu omu eyalaga mu nsi ey'ewala
alye obwakabaka alyoke akomewo.
13 Bwe yali asitula n'ayita abaddu be kkumi n'abalekera mina* kkumi
n'abagamba nti, 'Muzisuubuzise okutuusa lwe ndidda.'
14 "Naye abantu be baali tebamwagala ne batuma ababaka baabwe mu
nsi gye yalaga, nga bagamba nti, 'Ffe tetwagala musajja ono kubeera
kabaka waffe.'
15 "Naye n'afuulibwa kabaka, n'addayo mu kitundu ky'ewaabwe. Bwe
yatuuka n'ayita abaddu be, be yali alekedde ensimbi, bamutegeeze
amagoba ge baggyamu.

* **19:13** Mina ye yali empeera eyaweebwanga omukozi oluvannyuma lw'emyezi esatu

16 “Eyasooka n’ajja n’agamba nti, ‘Ssebo, mina gye wandekera navisaamu mina kkumi.’
17 “Mukama we n’amwebaza, n’amugamba nti, ‘Oli muddu mulungi nnyo. Kubanga obadde mwesigwa mu kintu ekitono ennyo, nkuwadde okufuga ebibuga kkumi.’
18 “Omuddu owookubiri n’ajja, n’agamba mukama we nti, ‘Ssebo, mina gye wandekera navisaamu mina ttaano.’
19 “Oyo naye n’amugamba nti, ‘Onoofuga ebibuga bitaano.’
20 “Awo omuddu omulala n’ajja, n’agamba mukama we nti, ‘Mina gye wandekera yiino, nagitereka bulungi.
21 Nakutya, kuba, nga bw’oli omuntu omukakanyavu, otwala ebitali bibyo, n’okungula n’ebibala by’otaasiga.’
22 “Mukama we n’amuddamu nti, ‘Oli musajja mubi nnyo! Nzija kukusalira omusango ng’ebigambo byo by’oyogedde bwe biri. Wamanya nga ndi muntu mukalubo, nga ntwala ebitali byange, era nga nkungula bye saasiga,
23 kale, lwaki ensimbi zange tewazissa mu banka, bwe nandikomyewo nandizisanzeeyo nga zizadde n’amagoba?’
24 “N’alyoka agamba abaali bayimiridde awo nti, ‘Mumuggyeeko mina eyo mugiwe oli alina ekkumi.’
25 “Ne bamugamba nti, ‘Naye ssebo, oli alina mina kkumi!’
26 “N’abaddamu nti, ‘Mbagamba nti oyo yenna alina, alyongerwako; ate oyo atalina, n’akatono k’alina kalimuggibwako.
27 Kaakano njagala abo bonna abalabe bange, abaajeema nga tebaagala mbeere kabaka waabwe, mubandeetere wano, mubattire mu maaso gange.’ ”

### *Yesu Ayingira mu Yerusaalemi n’Ekitiibwa*

28 Awo Yesu bwe yamala okwogera ebigambo ebyo, n’atambula ng’akulembedde abayigirizwa be okwolekera Yerusaalemi.
29 Bwe yali asemberera ebibuga Besufaage ne Besaniya ng’ali ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni, n’atuma abayigirizwa be babiri n’abagamba nti,
30 “Mugende mu kabuga akatuli mu maaso bwe munaaba mwakakayingira, munaalaba omwana gw’endogoyi, oguteebagalwangako, nga gusibiddwa awo. Mugusumulule, muguleete wano.
31 Singa wabaawo ababuuza nti, ‘Lwaki mugusumulula?’ Mumuddamu nti, ‘Mukama waffe agwetaaga.’ ”
32 Awo abaatumibwa ne bagenda ne basanga omwana gw’endogoyi nga Yesu bwe yabagamba.
33 Era bwe baali nga bagusumulula bannannyini gwo ne bababuuza nti, “Lwaki musumulula omwana gw’endogoyi ogwo?”
34 Ne baddamu nti, “Mukama waffe agwetaaga.”
35 Omwana gw’endogoyi ne baguleeta eri Yesu, ne bagwaliirako eminagiro gyabwe, Yesu n’agwebagala.
36 Bwe yali ng’agenda, abantu ne baaliira ebyambalo byabwe mu luguudo.
37 Awo bwe yatuuka oluguudo we luserengetera olusozi olwa Zeyituuni, ekibiina kyonna eky’abayigirizwa, ne batandika okutendereza Katonda, mu ddoboozi ery’omwanguka olw’ebyamagero bye yali akoze nga boogera nti,
38 “Aweereddwa omukisa Kabaka ajja mu linnya lya Mukama!”

"Emirembe gibe mu ggulu, n'ekitiibwa kibeere waggulu ennyo!"
39 Naye abamu ku Bafalisaayo abaali mu kibiina ne bagamba Yesu nti, "Omuyigiriza, lagira abayigirizwa bo basirike!"
40 Yesu n'abaddamu nti, "Mbategeeza nti ssinga bo basirika, amayinja gano ganaaleekaana!"

### *Yesu Akaabira Yerusaalemi*

41 Awo Yesu bwe yali ng'asemberera ekibuga Yerusaalemi, bwe yakirengera, n'akikaabira.
42 N'agamba nti, "Singa otegedde leero ebireeta emirembe ebyakulagirwa! Naye kaakano bikukwekeddwa, amaaso go tegayinza kubiraba.
43 Ekiseera kigenda kutuuka abalabe bo lwe balikuzimbako ekigo okukwetooloola ne bakuzinda,
44 ne bakumerengulira ku ttaka munda mu bisenge byo ggwe n'abaana bo. Abalabe bo tebalirekawo jjinja na limu nga litudde ku linnaalyo, kubanga omukisa Katonda gwe yakuwa ogw'okulokolebwa wagaana okugukozesa."

### *Yesu mu Yeekaalu*

45 Awo Yesu n'ayingira mu Yeekaalu n'agobamu abaali batundiramu.
46 N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Ennyumba yange eneebanga ya kusinzizangamu,' naye mmwe mugifudde 'empuku y'abanyazi.' "
47 Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'ayigirizanga mu Yeekaalu buli lunaku. Naye bakabona abakulu n'abannyonnyozi b'amateeka, n'abakulembeze b'Abayudaaya ne bagezaako okufuna akaagaanya we banaamuttira.
48 Naye ne balemwa kubanga abantu bonna baamussaako nnyo omwoyo nga bamuwuliriza.

## 20

### *Yesu Bamubuuza Obuyinza gy'Abuggya*

1 Awo Yesu bwe yali ng'ayigiriza era ng'abuulira Enjiri mu luggya lwa Yeekaalu, bakabona abakulu, n'abannyonnyozi b'amateeka n'abakulembeze b'Abayudaaya ne bajja gy'ali.
2 Ne bamubuuza nti, "Tubuulire, buyinza ki obukukozesa bino? Era ani eyakuwa obuyinza obwo?"
3 Yesu n'addamu nti, "Nange ka mbabuuze ekibuuzo kino.
4 Okubatiza kwa Yokaana kwava eri Katonda nandiki kwava mu bantu?"
5 Ne basooka okwogeraganyaamu bokka ne bokka nga bagamba nti, "Bwe tunaagamba nti, 'Kwava mu ggulu,' ajja kutubuuza nti, 'Kale, lwaki temwamukkiriza?'
6 Naye ate bwe tunaddamu nti, 'Kwava mu bantu,' abantu bonna bajja kutukuba amayinja, kubanga bamatizibwa nti Yokaana yali nnabbi."
7 Kyebaava baddamu nti, "Tetumanyi gye kwava."
8 Yesu n'abagamba nti, "Nange sijja kubabuulira gye nzigya obuyinza obunkozesa bino."

### *Olugero lw'Abalimi*

9 Awo Yesu n'akyukira abantu n'abagerera olugero luno nti, "Waaliwo omusajja eyalina ennimiro ey'emizabbibu, n'agipangisa abalimi, n'agenda olugendo, n'amalayo ebbanga ddene.
10 Awo ekiseera eky'amakungula bwe kyatuuka, n'atuma omu ku baddu be eri abalimi bamuwe ku bibala eby'emizabbibu gye. Naye abalimi

abapangisa ne bamukuba ne bamugoba n'addayo ngalo nsa eri mukama we.
11 N'abatumira omuddu we omulala, n'oyo ne bamukuba ne bamuswaza nnyo, n'addayo ngalo nsa.
12 N'abatumira omuddu owookusatu, naye ne bamukuba ne bamussaako n'ebiwundu ne bamugoba mu nnimiro.
13 "Nannyini nnimiro ne yeebuuza nti, 'Nkole ntya? Ka mbatumire omwana wange gwe njagala ennyo, oboolyawo banaamussaamu ekitiibwa.'
14 "Omwana oyo bwe baamulengera ne bateesa nti, 'Ono y'agenda okusikira ennimiro eno nga kitaawe afudde. Ka tumutte, ebyobusika tubyesigalize.'
15 Ne bamuggya mu nnimiro nga bamukulula ne bamutta.
"Mulowooza nannyini nnimiro abalimi abo alibakola atya?
16 Agenda kujja abazikirize bonna, n'ennimiro agiwe abalala."
Awo bwe baabiwulira ebyo ne bagamba nti, "Ekintu ng'ekyo kireme kubaawo!"
17 Yesu n'abatunuulira n'abagamba nti, "Kale ekyawandiikibwa kino kitegeeza ki? Ekigamba nti,
" 'Ejjinja abazimbi lye baagaana,
lye lifuuse ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.'
18 Omuntu yenna agwa ku jjinja eryo alibetentebwa, na buli gwe lirigwako lirimubetenta."
19 Awo abannyonnyozi b'amateeka ne bakabona abakulu bwe baawulira ebigambo ebyo, ne baagala bamukwatirewo mangwago, kubanga baamanya ng'olugero lwali lukwata ku bo. Naye ne batya abantu.

### *Okuwa Omusolo*

20 Ne balinda okutuusa lwe banaafuna akaagaanya babeeko kye bakola. Ne batuma abakessi eri Yesu nga beefudde ng'abantu abalungi abaagala okumanya. Baasuubira nti mu ebyo by'anaddamu, nga bamubuuzizza ebibuuzo ebirimu emitego, munaabaamu kwe banaasinziira okumukwata ne bamuwaayo ewa gavana.
21 Abakessi ne babuuza Yesu nti, "Omuyigiriza, tumanyi nga By'oyogera n'ebyo by'oyigiriza bya mazima, era nga tofaayo ku bigambo eby'abantu obuntu wabula oyigiriza ebyo Katonda by'ayagala.
22 Kyetuva tukubuuza nti kituufu okuwa Kayisaali omusolo oba si kituufu?"
23 Yesu n'ategeera mangu obukuusa bwabwe, n'abagamba nti,
24 "Mundage ensimbi eya ffeeza. Ekifaananyi kino ekiriko ky'ani? N'erinnya lino ly'ani?" Ne baddamu nti, "Bya Kayisaali."
25 N'abagamba nti, "Kale ebya Kayisaali mubiwenga Kayisaali, n'ebya Katonda mubiwenga Katonda."
26 Ne balemwa okumukwasa mu ebyo bye yaddamu ng'abantu bonna bali awo. Bye yaddamu ne bibeewuunyisa nnyo, ne basirika busirisi.

### *Okuzuukira n'Okuwasa*

27 Awo abamu ku Basaddukaayo abatakkiririza mu kuzuukira, ne bajja eri Yesu, ne bamubuuza nti,
28 "Omuyigiriza, amateeka ga Musa gagamba nti ssinga omusajja omufumbo afa nga tazadde baana, muganda we awasenga nnamwandu alyoke afunire muganda we omufu ezzadde.

29 Waaliwo abooluganda musanvu, asinga obukulu n'awasa, kyokka
n'afa nga talese mwana.
30 Adda ku mufu n'awasa nnamwandu; kyokka naye n'afa nga tazadde
mwana.
31 Okutuusa abooluganda bonna lwe baafa ne baggwaawo nga buli omu
awasizza ku nnamwandu oyo, kyokka nga tewali alese mwana.
32 Oluvannyuma n'omukazi naye n'afa.
33 Kale mu kuzuukira omukazi oyo aliba muka ani? Kubanga aboolu-
ganda bonna omusanvu yabafumbirwako!"
34 Yesu n'addamu nti, "Obufumbo buli kuno ku nsi, abantu kwe
bawasiza era ne bafumbirwa.
35 Naye abo abasaanyizibwa okuzuukira mu bafu bwe batuuka mu ggulu
tebawasa wadde okufumbirwa,
36 era tebaddayo kufa nate, kubanga baba nga bamalayika. Era baba
baana ba Katonda kubanga baba bazuukizibbwa mu bulamu obuggya,
37 Naye nti abafu bazuukizibwa, ne Musa yannyonnyola bye yalaba ku
kisaka, bwe yayita Mukama Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka,
era Katonda wa Yakobo.
38 Kino kitegeeza nti ssi Katonda wa bafu wabula Katonda wa balamu,
kubanga bonna balamu gy'ali."
39 Abamu ku bannyonnyozi b'amateeka ne bagamba nti, "Omuyigiriza,
ozzeemu bulungi!"
40 Ne watabaawo ayaŋŋanga kwongera kumubuuza bibuuzo birala.

### *Kristo Mwana w'ani?*

41 Awo Yesu n'ababuuza nti, "Lwaki Kristo ayitibwa Omwana wa
Dawudi?
42 Songa Dawudi amwogerako mu Zabbuli nti,
" 'Katonda yagamba Mukama wange nti,
Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo
43 okutuusa lwe ndifuula abalabe bo
entebe y'ebigere byo.'
44 Noolwekyo obanga Dawudi amuyita Mukama we, kale ayinza atya
okuba omwana we?"
45 Awo abantu bonna nga bawulira, Yesu n'akyukira abayigirizwa be
n'abagamba nti,
46 "Mwekuume abannyonnyozi b'amateeka. Baagala nnyo okutambula
nga bambadde amaganduula agagenda gakweya, n'abantu okugenda nga
babalamusa mu butale, era baagala nnyo okutuula mu bifo eby'ekitiibwa
mu makuŋŋaaniro ne ku mbaga!
47 Balimbalimba nga basaba essaala empanvu, ng'eno bwe basala
enkwe okunyaga ebintu bya bannamwandu. Noolwekyo bagenda kufuna
ekibonerezo ekisingira ddala obunene."

## 21

### *Okugaba kwa Nnamwandu*

1 Awo Yesu bwe yayimusa amaaso n'alaba abantu abagagga nga bateeka
ebirabo byabwe mu ggwanika mu Yeekaalu.
2 N'alaba nnamwandu omwavu ng'awaayo busente bubiri.
3 N'agamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti nnamwandu oyo omwavu
agabye okusinga bali abagagga bonna.

4 Kubanga bagabye kitono nga bakiggya ku bugagga bwe bafisizzaawo,
naye nnamwandu mu bwavu bwe awaddeyo kyonna ky'alina."

*Okuzikirizibwa kwa Yeekaalu*

5 Ne wabaawo aboogera ku bulungi bw'amayinja agaweebwayo eri
Katonda okuzimba Yeekaalu.
6 Naye Yesu n'agamba nti, "Ekiseera kijja ebirungi bino byonna bye
mutunuulira lwe biribetentulwa ne watasigalawo jjinja na limu nga
lituddе ku linnaalyo, eritalisuulibwa wansi."
7 Ne bamubuuza nti, "Omuyigiriza, ebyo biribaawo ddi? Ye walibaawo
akabonero akaliraga nti biri kumpi okubaawo?"
8 Yesu n'addamu nti, "Mwekuume muleme kulimbibwalimbibwa.
Kubanga bangi balikozesa erinnya lyange, nga bagamba nti, 'Nze nzuuyo.'
Naye temubakkirizanga.
9 Naye bwe muwuliranga entalo n'obwegugungo, temutyanga. Kubanga
entalo ziteekwa okusooka okujja, naye enkomerero terituuka mangwago."
10 N'ayongera n'abagamba nti, "Amawanga galirwanagana,
n'obwakabaka ne bulwanagana ne bunaabwo.
11 Wagenda kubeerawo musisi ow'amaanyi ennyo, n'enjala ennyingi
mu bitundu eby'enjawulo, ne kawumpuli. Walibaawo n'ebyentiisa ate
n'obubonero okuva mu ggulu.
12 "Naye bino byonna nga tebinnabaawo balibayigganya, balibakwata.
Balibawaayo mu makuŋŋaaniro, ne mu maaso ga bakabaka ne bagavana,
ku lw'erinnya lyange, ne musibibwa ne mu makomera.
13 Kiribaviiramu okufuna omukisa okuba abajulirwa bange.
14 Naye temweraliiikiriranga gye muliggya ebigambo eby'okuwoza,
15 Kubanga ŋŋenda kubawa ebigambo n'amagezi ebiriremesa n'abalabe
bammwe okubaako n'eky'okuddamu!
16 Muliweebwayo bakadde bammwe, ne baganda bammwe ne mikwano
gyammwe, balibawaayo mukwatibwe, era abamu ku mmwe muttibwe.
17 Abantu bonna balibakyawa nga babalanga erinnya lyange.
18 Naye n'oluviiri olumu bwe luti olw'oku mitwe gyammwe
terulizikirira.
19 Kubanga bwe muligumiikiriza muliwonya obulamu bwammwe."

*Okuzikirizibwa kwa Yerusaalemi*

20 "Bwe mulabanga nga Yerusaalemi kyetooloddwa amaggye, nga
mutegeera nga Okuzikirizibwa kw'ekibuga ekyo kutuuse.
21 Abo abalibeera mu Buyudaaya baddukiranga ku nsozi, abaliba mu
Yerusaalemi bakivangamu ne badduka, n'abo abalibeera mu nnimiro
tebakomangawo mu kibuga.
22 Kubanga ebyo bye biriba ebiseera Katonda mwaliwolera eggwanga,
n'ebigambo ebiri mu Byawandiikibwa birituukirizibwa.
23 Nga ziribasanga abakazi abaliba embuto n'abayonsa! Kubanga
eggwanga liribonaabona, n'abantu baalyo balisunguwalirwa.
24 Abamu balittibwa n'ekitala ky'omulabe, abalala balikwatibwa ne
bawaŋŋangusibwa mu mawanga gonna amalala ag'oku nsi. Yerusaalemi
kiriwangulwa bannaggwanga ne bakirinnyirira okutuusa ekiseera kyabwe
eky'obuwanguzi lwe kirikoma mu kiseera Katonda ky'aliba ateesezza."

*Okujja kw'Omwana w'Omuntu*

25 “Walibaawo obubonero ku njuba, ne ku mwezi, ne ku mmunyeenye.
Wano ku nsi amawanga galibeera mu kunyolwa, olw’ab’amawanga,
ng’abantu basamaaliridde olw’ennyanja eziyira n’amayengo ageesiikuula.
26 Abantu baliggwaamu amaanyi ne bazirika nga batidde nnyo
olw’ebirijja ku nsi; kubanga amaanyi g’eggulu galinyeenyezebwa.
27 Mu kiseera ekyo muliraba Omwana w’Omuntu ng’ajjira mu kire
n’obuyinza n’ekitiibwa kingi.
28 Kale ebintu ebyo bwe bitandikanga muyimiriranga butereevu ne
muyimusa amaaso gammwe waggulu! Kubanga okulokolebwa kwammwe
nga kusembedde.”

### *Eky’okuyiga ku Muti Omutiini*

29 Awo Yesu n’abagerera olugero luno nti, “Mutunuulire omuti omutiini
n’emiti emirala gyonna.
30 Bwe mulaba nga gitandise okutojjera, mumanya ng’ebiseera
eby’ebbugumu bituuse.
31 Mu ngeri y’emu bwe muliraba ebintu nga bibaawo, nga mumanya nti
obwakabaka bwa Katonda buli kumpi okutuuka.
32 “Ddala ddala mbagamba nti omulembe guno teguliggwaawo okutuusa
ng’ebintu ebyo byonna bituukiridde.
33 Eggulu n’ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange tebigenda kugg-
waawo.
34 “Mwekuume muleme okwemalira mu binyumu n’okutamiira,
n’okweraliikirira eby’obulamu, okujja kwange okw’amangu kuleme
kubakwasa nga temugenderedde ng’abagudde mu mutego.
35 Kubanga olunaku olwo lulituuka ku buli muntu mu nsi yonna.
36 Mutunule nga musaba Katonda buli kiseera, abawe amaanyi okuba-
sobozesa okuwona ebintu ebyo byonna, Omwana w’Omuntu bw’alijja
mulyoke musobole okuyimirira mu maaso ge.”
37 Buli lunaku Yesu yayigirizanga mu Yeekaalu, bwe bwawungeeranga
n’ava mu kibuga n’asula ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni.
38 Mu makya abantu bonna ne bajjanga mu Yeekaalu okumuwuliriza.

## 22

### *Yuda Alya mu Yesu Olukwe*

1 Embaga ey’Emigaati Egitazimbulukuswa eyitibwa Okuyitako yali
esembedde.
2 Bakabona abakulu n’abannyonnyozi b’amateeka baali bakola kawee-
fube okusala amagezi okutta Yesu, naye nga batya abantu okusasamala.
3 Awo Setaani n’ayingira mu Yuda Isukalyoti eyali omu ku bayigirizwa
ekkumi n’ababiri,
4 n’agenda eri bakabona abakulu n’abakuumi ba Yeekaalu abakulu,
n’ateesa nabo nga bw’anaamuwaayo gye bali.
5 Ne basanyuka nnyo, era ne bakkiriza okumusasula.
6 Yuda n’akkiriza okuwaayo Yesu, n’anoonya akakisa konna
mw’anaamuweerayo gye bali nga tewali kibiina.

### *Ekyekiro eky’Enkomerero*

7 Awo olunaku olw’Emigaati Egitazimbulukuswa, okuttirwa omwana
gw’endiga ogw’embaga y’Okuyitako, ne lutuuka.
8 Yesu n’atuma Peetero ne Yokaana n’abagamba nti, “Mugende mu-
tutegekere ekyekiro kyaffe eky’okuyitako, tujje tukirye.”

9 Ne bamubuuza nti, “Oyagala tukitegekere wa?”

10 Yesu n’abaddamu nti, “Munaaba mwakayingira mu kibuga, mujja kulaba omusajja eyeetisse ensuwa y’amazzi ng’atambula. Mumugobererere okutuuka mu nnyumba mw’anaayingira,

11 mugambe nnyinimu nti, ‘Omuyigiriza atutumye gy’oli ng’agamba nti: Ekisenge ky’abagenyi kiruwa mwe nnaaliira Okuyitako n’abayigirizwa bange?’

12 Ajja kubalaga ekisenge ekinene ekya waggulu nga kitegekeddwa bulungi. Omwo mwe muba mutegekera.”

13 Ne balaga mu kibuga, ne basanga buli kimu nga Yesu bwe yabagamba. Ne bateekateeka Okuyitako.

14 Awo ekiseera ky’okulya bwe kyatuuka, Yesu n’atuula n’abayigirizwa be okulya.

15 Yesu n’agamba abayigirizwa be nti, “Ebbanga eryo lyonna mbadde ndowooza nnyo ku Kyekiro kino eky’Okuyitako, nga njagala nkirye nammwe nga sinnaba kubonyaabonyezebwa.

16 Kubanga mbagamba nti sigenda kuddayo kulya nammwe Okuyitako okutuusa lwe kulituukirizibwa mu bwakabaka bwa Katonda.”

17 Awo Yesu n’addira ekikompe ky’envinnyo, bwe yamala okwebaza Katonda, n’agamba nti, “Mukwate, munyweko mwenna.

18 Kubanga mbagamba nti, Sigenda kuddayo kunywa ku kibala kya muzabbibu okutuusa ng’obwakabaka bwa Katonda buzze.”

19 Ate n’atoola omugaati, bwe yamala okwebaza Katonda, n’agumenyaamenyamu, n’abagabira ng’agamba nti, “Guno gwe mubiri gwange oguweebwayo ku lwammwe. Mukolenga bwe muti nga munzijukira.”

20 Bwe baamala okulya ekyekiro, n’addira nate ekikompe era mu ngeri y’emu n’akibakwasa ng’agamba nti, “Ekikompe kino ke kabonero ak’endagaano ya Katonda empya ekakasibwa mu musaayi gwange oguyiyibwa ku lwammwe.

21 Naye muwulire kino. Omuntu agenda okundyamu olukwe atudde wano nange ku mmere.

22 Kigwanira Omwana w’Omuntu, okufa nga Katonda bwe yateekateeka. Naye zimusanze omuntu oyo amulyamu olukwe.”

23 Awo abayigirizwa ne batandika okwebuuzaganya bokka na bokka nti ani ku bo ayinza okukola ekintu ng’ekyo!

### *Empaka ku Bukulu*

24 Era ne batandika okuwakana bokka ne bokka, ani asinga ekitiibwa mu bo?

25 Naye Yesu n’abagamba nti, “Bakabaka b’abamawanga bafuga abantu baabwe, n’ab’obuyinza ne babazunza mu kino na kiri, naye abafugibwa tebalina kya kukola wabula okubayita abayambi baabwe.

26 Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng’asembayo, n’omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng’omuweereza wammwe.

27 Mu nsi muno omukungu y’atula ku mmeeza abaddu be ne bamuweereza. Naye wano mu ffe nze muweereza wammwe.

28 Naye mmwe mubadde wamu nange mu biseera bino eby’okugezesebwa kwange,

29 era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo

30 okutuula n'okulya era n'okunywera ku mmeeza yange mu bwakabaka
bwange obwo, era mulituula ku ntebe ne mulamula ebika bya Isirayiri
ekkumi n'ebibiri.
31 "Simooni, Simooni, Setaani asabye okukuwewa ng'eŋŋaano,
32 naye ggwe nkusabidde okukkiriza kwo kuleme kukuggwaamu. Era
bw'olimala okwenenya, yamba mu kuzimba n'okunyweza okukkiriza kwa
baganda bo."
33 Awo Peetero n'addamu nti, "Mukama wange, neeteeseteese okusi-
birwa awamu naawe mu kkomera, era n'okufiira awamu naawe."
34 Yesu n'amuddamu nti, "Peetero, nkutegeeza nti leero ononneegaana
emirundi esatu enkoko nga tennakookolima."
35 Awo Yesu n'ababuuza nti, "Bwe nabatuma okubuulira Enjiri, ne
mutatwala nsimbi wadde ensawo, oba omugogo omulala ogw'engatto,
mwalina okwetaaga ekintu kyonna?" Ne baddamu nti, "Nedda."
36 Yesu n'abagamba nti, "Naye kaakano alina ensawo eterekebwamu
ensimbi agitwale, n'ensawo ng'ey'omusabiriza bwe mutyo. Atalina kitala,
atunde ku ngoye ze akyegulire!
37 Kubanga mbagamba nti kyetaagisa okutuukirizibwa mu nze
ekyawandiikibwa nti, 'Yabalirwa wamu n'abamenyi b'amateeka,'
ebinkwatako biteekwa okutuukirira."
38 Abayigirizwa ne bamugamba nti, "Mukama waffe, wano tulinawo
ebitala bibiri!" N'abaddamu nti, "Bimala!"

### *Yesu Asaba ku Lusozi olwa Zeyituuni*

39 Awo Yesu n'afuluma mu kibuga awamu n'abayigirizwa be n'akwata
ekkubo erigenda ku lusozi olwa Zeyituuni nga bwe yali empisa ye.
40 Bwe yatuuka eyo n'agamba abayigirizwa be nti, "Musabe Katonda,
muleme kuwangulwa kukemebwa."
41 Ye n'abavaako akabanga ng'awakasukwa ejjinja, n'afukamira n'asaba
nti,
42 "Kitange, obanga kwe kusiima kwo ekikompe kino kinzigyeko. Naye
si nga Nze bwe njagala, wabula ky'oyagala kye kiba kikolebwa."
43 Awo malayika eyava mu ggulu n'ajja n'amugumya.
44 Yali mu kunyolwa kunene nnyo okw'omwoyo, ne yeeyongera okus-
aba ennyo n'atuuyana n'entuuyo ezamuvaamu ne ziba ng'amatondo
g'omusaayi, era ne gatonnya wansi.
45 Bwe yayimuka ng'amaze okusaba n'addayo eri abayigirizwa be, naye
n'abasanga nga beebase, olw'ennaku eyali ebakutte.
46 N'abagamba nti, "Lwaki mwebase? Muzuukuke, musabe, muleme
kuwangulwa kukemebwa."

### *Yesu Akwatibwa*

47 Awo Yesu bwe yali ng'akyayogera, ekibiina ky'abantu ne batuuka nga
Yuda, omu ku bayigirizwa be ekkumi n'ababiri, y'abakulembedde. Yuda
n'ajja butereevu awali Yesu, n'amunywegera.
48 Naye Yesu n'amugamba nti, "Yuda, Omwana w'Omuntu omulyamu
olukwe ng'omugwa mu kifuba?"
49 Abayigirizwa abalala bwe baalaba ekyali kigenda okubaawo ne
babuuza Yesu nti, "Mukama waffe, tubateme n'ebitala byaffe?"
50 Era omu ku bo n'atemako n'ekitala okutu kw'omuweereza wa Kabona
Asinga Obukulu.
51 Naye Yesu n'abagamba nti, "Temwongera kubalwanyisa." N'akwata
ku kutu kw'omusajja, n'amuwonya!

52 Yesu kwe kukyukira bakabona abakulu, n'abakulu b'abakuumi ba
Yeekaalu, n'abakulembeze b'Abayudaaya abaali bakulembedde ekibiina
ky'abantu, n'abagamba nti, "Ndi munyazi, n'okujja ne mujja gye ndi nga
mwambalidde ebitala n'emiggo?
53 Lwaki temwankwatira mu Yeekaalu? Nabeeranga omwo buli lunaku.
Naye nammwe eno ye ssaawa yammwe, n'ekizikiza we kiragira obuyinza
bwakyo."

### *Peetero Yeegaana Yesu*

54 Awo ne bakwata Yesu ne bamutwala mu nnyumba ya Kabona Asinga
Obukulu. Peetero n'agoberera nga yeesuddeko akabanga.
55 Bwe baamala okukuma omuliro wakati mu luggya ne batuula okwota;
Peetero naye n'atuula wakati mu bo, n'ayota omuliro.
56 Omuwala omuweereza n'amulengera ng'omuliro gumumulisizza,
n'amutunuulira enkaliriza, okutuusa lwe yagamba nti, "Omusajja ono yali
ne Yesu!"
57 Peetero ne yeegaana nti, "Omukazi, oyo gw'oyogerako nze simu-
manyi."
58 Bwe waayitawo akabanga omuntu omulala n'alaba Peetero
n'amugamba nti, "Naawe oli omu ku bo." Peetero ne yeegaana nti,
"Nedda, ssebo, si bwe kiri."
59 Bwe waali wayiseewo ng'essaawa nnamba, omuntu omu n'ayogera
ng'akakasa nti, "Ddala n'ono yali wamu ne Yesu kubanga naye Mugali-
raaya."
60 Peetero n'addamu nti, "Omusajja, by'oyogerako sibimanyi!" Peetero
bwe yali akyayogera enkoko n'ekookolima.
61 Mu kaseera ako Mukama waffe n'akyuka n'atunuulira Peetero.
Peetero n'ajjukira Yesu kye yagamba nti, "Enkoko eneeba tennakookolima
ononneegaana emirundi esatu."
62 Awo Peetero n'afuluma okuva mu luggya n'akaaba nnyo amaziga!

### *Abaserikale Baduulira Yesu*

63 Awo abasajja abaali bakuuma Yesu ne batandika okumuduulira
n'okumukuba.
64 Ne bamusiba ekitambaala ku maaso ne bamukuba ebikonde, oluvan-
nyuma ne bamubuuza nti, "Nnabbi! yogera ani akukubye?"
65 Ne bamuvuma n'ebigambo ebirala bingi.

### *Yesu mu Maaso g'Olukiiko Olukulu*

66 Enkeera mu makya Olukiiko Olukulu olw'Abayudaaya, nga
lulimu bakabona abakulu, n'abannyonnyozi b'amateeka, n'abakulembeze
b'Abayudaaya, ne lutuula. Yesu n'aleetebwa mu maaso g'Olukiiko olwo.
67 Ne bamubuuza nti, "Obanga ggwe Kristo, tubuulire."
Yesu n'abaddamu nti, "Bwe nnaababuulira temujja kunzikiriza,
68 ne bwe nnaababuuza ebibuuzo temujja kunnyanukula.
69 Naye ekiseera kituuse, Nze, Omwana w'Omuntu, okutuula ku mukono
ogwa ddyo ogwa Katonda Ayinzabyonna."
70 Bonna ne baleekaana nti, "Kwe kugamba nti ggwe Mwana wa
Katonda?"
Yesu n'abaddamu nti, "Nga bwe mugambye bwe ntyo bwe ndi."
71 Ne bagamba nti, "Ate twetaagira ki obujulizi obulala? Kubanga ffe
ffennyini twewuliridde ng'ebigambo bino biva mu kamwa ke."

# 23

*Yesu mu Maaso ga Piraato*

1 Awo Olukiiko lwonna ne lusituka, ne batwala Yesu ewa Piraato.

2 Ne batandika okumuwawaabira nti, “Omuntu ono ajagalaza eggwanga lyaffe, ng’atuziyiza okuwa Kayisaali omusolo, nga yeeyita Kristo, kabaka.”

3 Piraato kwe kubuuza Yesu nti, “Ggwe kabaka w’Abayudaaya?” Yesu n’amuddamu nti, “Ggwe okyogedde.”

4 Awo Piraato n’akyukira bakabona abakulu n’ekibiina ky’abantu n’abagamba nti, “Siraba musango muntu ono gw’azizza.”

5 Naye ne beeyongera okulumiriza nga bagamba nti, “Asasamazza abantu n’okuyigiriza kwe mu Buyudaaya mwonna. Yatandikira Ggaliraaya okutuukira ddala ne wano!”

6 Piraato bwe yawulira ebyo kwe kubuuza nti, “Omuntu ono Mugaliraaya?”

7 Bwe yategeera nga Yesu Mugaliraaya, n’amuweereza eri Kerode, kubanga Ggaliraaya kyali kifugibwa Kerode, ate nga Kerode mu kiseera ekyo yali ali mu Yerusaalemi.

8 Awo Kerode bwe yalaba Yesu, n’asanyuka nnyo, kubanga yali atutte ekiseera kiwanvu ng’ayagala okulaba Yesu. Era okuva ku ebyo bye yali amuwuliddeko yasuubira ng’ajja kumulaba ng’akolayo ekyamagero.

9 N’amubuuza ebibuuzo bingi, naye Yesu n’atamuddamu.

10 Mu kiseera ekyo, bakabona abakulu, n’abannyonnyozi b’amateeka baali awo mu busungu obungi ne baleekaanira waggulu nga bamulumiriza.

11 Kerode n’abaserikale be ne batandika okuduulira Yesu, n’okumuvuma. Ne bamwambaza ekyambalo ekinekaaneka, ne bamuzzaayo ewa Piraato.

12 Ku lunaku olwo lwennyini, Kerode ne Piraato, abaali bakyawaganye, ne bafuuka ba mukwano.

*Piraato Asalira Yesu ogw’Okufa*

13 Awo Piraato n’akuŋŋaanya bakabona abakulu, n’abakulembeze b’Abayudaaya, n’abantu,

14 n’abagamba nti, “Mwandeetedde omuntu ono nga mumuwawaabira nti asasamaza abantu bajeeme. Mubuuzizza nnyo era ne neetegereza bulungi ensonga eyo nga nammwe we muli, naye ne nsanga nga talina musango ku ebyo bye mumuwawaabidde.

15 Ne Kerode naye tamulabyeko musango era kyavudde amukomyawo gye tuli. Omuntu ono talina ky’akoze kimusaanyiza kibonerezo kya kufa.

16 Noolwekyo ŋŋenda mukangavvulamu, ndyoke mmusumulule.”

17 Ku buli mbaga ya Kuyitako, Piraato ng’ateekwa okubateera omusibe omu.

18 Ekibiina kyonna ne kireekaana nnyo nti, “Oyo mutte! Otuteere Balaba.”

19 Balaba ono yali asibiddwa lwa kukulembera kasasamalo mu kibuga, era n’olw’obutemu.

20 Piraato olw’okwagala okusumulula Yesu, n’ayongera okwogera nabo.

21 Naye ne beeyongera okuleekaana nti, “Mukomerere ku musaalaba! Mukomerere ku musaalaba!”

22 Piraato n’ayogera nabo omulundi ogwokusatu nti, “Lwaki? Azzizza musango ki? Sirabye nsonga yonna emusaanyiza kibonerezo kya kufa. Noolwekyo ka mmukangavvule, ndyoke mmusumulule.”

23 Naye ne beeyongera nnyo okuleekaana, n'okuwowoggana nga baagala Yesu akomererwe ku musaalaba. Era okuleekaana kwabwe ne kuwangula.
24 Awo Piraato n'akola nga bwe baayagala.
25 N'asumulula Balaba, gwe baasaba eyali asibiddwa olw'okusasamaza abantu n'olw'obutemu. Naye n'abakwasa Yesu bagende bamukole nga bwe baagala.

### *Yesu Akomererwa ku Musaalaba*

26 Awo ne bafulumya Yesu okumutwala okumukomerera. Bwe baali bamutwala ne basanga omusajja Omukuleene erinnya lye Simooni, yali ava mu kyalo nga yaakayingira mu kibuga, ne bamuwaliriza okusitula omusaalaba gwa Yesu ku kibegabega kye; n'agusitula n'agutwala ng'atambulira emabega wa Yesu.
27 Ekibiina kinene ne bagoberera Yesu nga mwe muli n'abakazi abaali bamukaabira nga bwe bakuba ebiwoobe.
28 Naye Yesu n'abakyukira n'abagamba nti, "Abawala ba Yerusaalemi, temukaabira Nze, wabula mwekaabire era mukaabire n'abaana bammwe.
29 Kubanga ekiseera kijja abakazi abatalina baana lwe baliyitibwa ab'omukisa ddala.
30 " 'Baligamba ensozi nti, "Mutugweko,"
n'obusozi nti, "Mutuziike." '
31 Kale, obanga bino babikola ku muti omubisi, naye ku mukalu kiriba kitya?"
32 Waaliwo n'abasajja abalala babiri, bombi nga bamenyi ba mateeka, abaatwalibwa ne Yesu okuttibwa.
33 Awo bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa Ekiwanga, ne bamukomerera awo ku musaalaba, awamu n'abamenyi b'amateeka, omu ku ludda lwa Yesu olwa ddyo n'omulala ku ludda olwa kkono.
34 Yesu n'agamba nti, "Kitange, basonyiwe, kubanga kye bakola tebakimanyi." Awo abaserikale ne bagabana ebyambalo bye nga babikubira akalulu.
35 Ekibiina ne kimutunuulira. Abakulembeze b'Abayudaaya ne bamusekerera nga bagamba nti, "Yalokolanga balala, ka tulabe naye bwe yeerokola, obanga ye Kristo wa Katonda Omulonde we."
36 N'abaserikale nabo ne bamuduulira ne bamuwa wayini omukaatuufu,
37 nga bagamba nti, "Obanga ggwe Kabaka w'Abayudaaya, weerokole!"
38 Waggulu w'omutwe gwa Yesu ku musaalaba kwateekebwako ekiwandiiko mu bigambo bino nti,

Ono ye Kabaka w'Abayudaaya.

39 Omu ku bamenyi b'amateeka abaakomererwa naye n'avuma Yesu ng'agamba nti, "Si ggwe Masiya? Kale weerokole era naffe otulokole."
40 Naye munne bwe baakomererwa n'amunenya, n'amugamba nti, "N'okutya totya Katonda, nga naawe oli ku kibonerezo kye kimu kya kufa?
41 Ffe tuvunaaniddwa bya nsonga, kubanga ebikolwa byaffe bitusaanyiza kino. Naye ono talina kisobyo kyonna ky'akoze."
42 N'alyoka agamba nti, "Yesu, onzijukiranga bw'olijja mu bwakabaka bwo."
43 Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti olwa leero ojja kubeera nange mu Lusuku lwa Katonda."

### *Okufa kwa Yesu*

44 Awo obudde bwe bwatuuka essaawa omukaaga ez'omu ttuntu, enzikiza n'ekwata ku nsi yonna, okutuusa ku ssaawa ey'omwenda,

45 kubanga enjuba yalekeraawo okwaka. Amangwago eggigi ly'omu
Yeekaalu ne liyulikamu wabiri.
46 Awo Yesu n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ery'omwanguka
ng'agamba nti, "Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo." Bwe
yamala okwogera ebigambo ebyo, n'afa.
47 Omuserikale Omuruumi omukulu w'ekitongole eyakulembera
abaserikale abaakomerera Yesu, bwe yalaba ebibaddewo, n'atendereza
Katonda ng'agamba nti, "Mazima omuntu ono abadde mutuukirivu."
48 Abantu bonna abaali bazze okwerolera, bwe baalaba ebibaddewo ne
baddayo ewaabwe nga beekuba mu kifuba nga bajjudde ennaku nnyingi.
49 Mikwano gya Yesu, awamu n'abakazi abajja naye nga bamugoberera
okuviira ddala e Ggaliraaya, baali bayimiridde nga beesuddeko akabanga,
nga batunuulira byonna ebibaddewo.

### *Okuziikibwa kwa Yesu*

50 Laba waaliwo omusajja erinnya lye Yusufu, ng'atuula mu Lukiiko
Olukulu olw'Abayudaaya, yali musajja mulungi era nga mutuukirivu,
51 teyakkirizaganya na banne mu ebyo bye baasalawo ku Yesu ne
bye baakola. Yali wa mu kibuga Alimasaya eky'omu Buyudaaya. Yali
ng'alindirira n'essuubi ddene okulaba obwakabaka bwa Katonda.
52 Omusajja ono n'agenda eri Piraato n'asabayo omulambo gwa Yesu.
53 Bwe yaguggya ku musaalaba, n'aguzinga mu lugoye lwa linena olweru
ennyo, n'agugalamiza mu ntaana ey'empuku eyali etemeddwa mu lwazi,
era nga teziikibwangamu muntu.
54 Bino byonna byaliwo ku Lwakutaano, olunaku
olw'okweteekerateekerako ng'enkeera ye Ssabbiiti.
55 Omulambo gwa Yesu bwe gwali gutwalibwa mu ntaana, abakazi
abaava e Ggaliraaya ne bagoberera nga bavaako emabega, ne balaba
entaana n'omulambo gwe nga bwe gwagalamizibwamu.
56 Ne balyoka baddayo eka ne bategeka ebyakaloosa n'amafuta
ag'okusiiga omulambo gwa Yesu. Naye ne bawummula ku Ssabbiiti
ng'etteeka bwe liragira.

# 24

### *Okuzuukira kwa Mukama Waffe*

1 Awo ku lunaku Lwassande*, lwe lusooka mu wiiki, mu makya ennyo,
abakazi ne baddira ebyakaloosa n'amafuta, bye baali bategese, ne bagenda
ku ntaana.
2 Ne basanga ejjinja eryali liggadde omulyango oguyingira mu ntaana,
nga liyiringisibbwa okudda wabbali.
3 Bwe batyo ne bayingira mu ntaana, naye omulambo gwa Mukama
waffe Yesu tebaagusangamu.
4 Ne bayimirira awo nga babuliddwa eky'okukola. Amangwago, abasajja
babiri ne balabika mu maaso gaabwe nga bambadde engoye ezimasamasa
ng'okumyansa kw'eraddu.
5 Abakazi ne batya nnyo, ne bakutama ne batunula wansi, abasajja ne
babagamba nti, "Lwaki omuntu omulamu mumunoonyeza mu ntaana?
6 Taliiwo wano, azuukidde! Mujjukire bye yabagamba nga muli e
Ggaliraaya nti,

* **24:1** Lwassande, lwe lunaku olusooka mu wiiki

7 ‘Omwana w’Omuntu, ateekwa okuweebwayo mu mikono gy’abantu ababi, bamukomerere ku musaalaba, naye nga ku lunaku olwokusatu alizuukira.’ ”

8 Ne bajjukira ebigambo bye ebyo.

9 Awo ne bayanguwa mangu ne bagenda, ne bategeeza abayigirizwa ekkumi n’omu n’abalala bonna, ebintu ebyo byonna. Bano be bakazi abaalaga ku ntaana, era ne bategeeza abayigirizwa ebintu ebyo:

10 Maliyamu Magudaleene, ne Jowaana, ne Maliyamu nnyina Yakobo, n’abalala. Ne bategeeza abatume ebintu ebyo.

11 Naye bye baababuulira nga biwulikika ng’ebitaliimu makulu, era tebaabikkiriza.

12 Kyokka Peetero n’adduka n’alaga ku ntaana, n’akutama n’alingiza n’alaba ng’engoye za linena Yesu mwe yali azingiddwa ziri wabbali zokka nga njereere, n’addayo eka nga yeewuunya.

### *Ku Luguudo lw’e Emawu*

13 Ku lunaku olwo lwennyini abasajja babiri, abamu ku abo abaagobereranga Yesu, baali batambula nga bagenda mu kabuga akayitibwa Emawu, akaali kilomita nga kkumi na bbiri okuva e Yerusaalemi.

14 Baali bagenda boogera ku kufa kwa Yesu.

15 Amangwago Yesu yennyini n’abeegattako n’atambula nabo.

16 Kyokka tebaamutegeera, kubanga ekyo Katonda yali akibakisizza.

17 Yesu n’abagamba nti, “Biki bye munyumyako nga bwe mutambula mu kkubo?”

Ne bayimirira ng’amaaso gaabwe gajjudde ennaku.

18 Omu ku bo, erinnya lye Kulyoppa n’amuddamu nti, “Oli mugenyi mu Yerusaalemi atamanyi bya kitalo ebyaliwo mu wiiki eyise?”

19 Yesu n’ababuuza nti, “Biki ebyo?” Ne baddamu nti, “Ebyagwa ku Yesu Omunnazaaleesi eyali omusajja Nnabbi ow’amaanyi mu bye yakolanga ne bye yayogeranga eyakola ebyamagero ebyewuunyisa, era yali Muyigiriza wa kitalo, mu maaso ga Katonda ne mu maaso g’abantu bonna.

20 Naye bakabona abakulu n’abakulembeze baffe baamukwata ne bamuwaayo n’asalirwa omusango ogw’okufa, ne bamukomerera ku musaalaba.

21 Twali tusuubira nti, Ye Kristo anaalokola Isirayiri.

22 Ebyo nga bikyali awo, nga wayiseewo ennaku ssatu bukyanga bino bibaawo abamu ku bakazi b’ewaffe baatwewuunyisizza. Olwa leero baakedde ku ntaana,

23 naye omulambo gwe tebaagusanzeemu. Bwe baakomyewo baatugambye nti bayolesebbwa ba bamalayika abaabagambye nti mulamu!

24 Abamu ku bannaffe abasajja nabo ne bagendayo mangu, nabo ne basanga ng’omulambo gwa Yesu teguliimu mu ntaana, ng’abakazi bwe baagambye.”

25 Yesu n’abagamba nti, “Nga muli bantu basirusiru! Mmwe ab’emitima eminafu egirwawo okukkiriza bannabbi bye baategeeza!

26 Tekyagwanira Kristo okubonaabona mu bintu byonna n’oluvannyuma alyoke ayingire mu kitiibwa kye?”

27 N’atandikira ku Musa n’ayitaayita mu bannabbi bonna ng’agenda abannyonnyola Ebyawandiikibwa bye bimwogerako.

28 Bwe baasemberera akabuga we baali bagenda, Yesu n’aba nga eyeeyongerayo,

29 naye ne bamuwaliriza asule ewaabwe kubanga n'obudde bwali
buwungedde. N'akkiriza, asigale.
30 Awo bwe yali ng'alya nabo n'addira omugaati, ne yeebaza
n'agumenyamu, n'abawa.
31 Amangwago amaaso gaabwe ne gazibuka ne bamutegeera! Ate
n'ababulako mu kaseera ako!
32 Ne batandika okwewuunaganya nga bagamba nti, "Emitima
gyaffe tegyabuguumiridde bwe yabadde ayogera naffe mu kkubo
ng'atunnyonnyola Ebyawandiikibwa?"
33 Awo ne basituka mangu ne baddayo mu Yerusaalemi, ne basanga
abayigirizwa ekkumi n'omu ne bannaabwe abalala nga bakuŋŋaanye,
34 nga bagamba nti, "Ddala Mukama waffe azuukidde! Alabikidde
Peetero!"
35 Ne bannyonnyola, nga Yesu bwe yabalabikira nga bali mu kkubo
batambula, era nga bwe yategeerekeka gye bali ng'amaze okumenya
omugaati.

### *Yesu Alabikira Abayigirizwa be*

36 Awo bwe baali bakyayogera ebyo Yesu n'ayimirira mu makkati
gaabwe n'abalamusa nti, "Emirembe gibeere nammwe!"
37 Naye bonna ne bakankana nga batidde nnyo, nga balowooza nti
balaba muzimu!
38 Yesu n'ababuuza nti, "Lwaki mutidde bwe mutyo? Lwaki mubuus-
abuusa mu mitima gyammwe?
39 Mulaba ebibatu byange. Mutunule ne ku bigere byange! Kaakano
mutegeere nga ye Nze kennyini. Munkwateko mukakasize ddala nti ssiri
muzimu, kubanga omuzimu tegubeera na mubiri na magumba nga Nze
bye nnina."
40 Bwe yali ng'ayogera n'abalaga ebibatu bye n'ebigere bye.
41 Naye nga bakyabuusabuusa kyokka nga balina essanyu era nga
basamaaliridde n'alyoka ababuuza nti, "Mulinawo wano ekyokulya?"
42 Ne bamuwa ekitundu ky'ekyennyanja ekyokye,
43 n'akitoola n'akiriira mu maaso gaabwe nga bamutunuulira!
44 N'abagamba nti, "Nabategeeza nga nkyali nammwe nti ebintu byonna
ebyampandiikibwako mu mateeka ga Musa, ne mu bya bannabbi, ne mu
Zabbuli, byali biteekwa okutuukirira."
45 N'alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa.
46 N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira
okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.
47 Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi
eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi.
48 Muli bajulirwa b'ebyo,
49 Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga
okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu."

### *Okugenda mu Ggulu*

50 Awo Yesu n'abakulembera ne balaga e Besaniya. N'ayimusa emikono
gye waggulu, n'abawa omukisa.
51 Bwe yali ng'akyabawa omukisa, n'abavaako, n'asitulibwa,
n'atwalibwa mu ggulu.
52 Ne bamusinza, ne baddayo mu Yerusaalemi nga bajjudde essanyu
lingi.

53 Ne babeeranga mu Yeekaalu bulijjo nga batendereza Katonda.

# Enjiri nga bwe Yawandiikibwa Yokaana

*Kigambo*

1 Kigambo yaliwo ng'ensi tennatondebwa. Kigambo* yali ne Katonda,
era Kigambo yali Katonda.
2 Oyo, okuva ku lubereberye yaliwo ne Katonda.
3 Ebintu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaliiwo kintu na kimu
ekyatondebwa nga taliiwo.
4 Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala
eri abantu.
5 Omusana ne gwaka mu kizikiza, naye ekizikiza tekyaguyinza.
6 Ne walabika omuntu ng'ayitibwa Yokaana, Katonda gwe yatuma,
7 eyajja okutegeeza abantu ebifa ku musana, bonna bakkirize nga bayita
mu ye.
8 Yokaana si ye yali Omusana, wabula ye yatumibwa ategeeze
eby'Omusana.
9 Kristo ye yali Omusana, omusana ogw'amazima, ogujja mu nsi,
okwakira buli muntu.
10 Kyokka newaakubadde Kigambo oyo ye yatonda ensi, bwe yajja mu
nsi, ensi teyamutegeera.
11 Yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza.
12 Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba
Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye.
13 Abataazaalibwa musaayi, oba okwagala kw'omubiri, wadde okwagala
kw'omuntu, naye abaazaalibwa okwagala kwa Katonda.
14 Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeera mu ffe, ne tulaba ekitiibwa kye,
ng'eky'oyo omu yekka eyava eri kitaffe ng'ajjudde ekisa n'amazima.
15 Yokaana Omubatiza yamwogerako, ng'alangirira nti, "Ono ye oyo
gwe nayogerako nti, 'Waliwo ajja emabega wange, eyansoka okubaawo,
kubanga yaliwo nga sinnabaawo.' "
16 Ku kujjula kwe ffenna kwe twagabana ekisa ekisukiridde ekisa.
17 Amateeka gaatuweebwa nga gayita mu Musa, naye Yesu Kristo ye
yaaleeta ekisa n'amazima.
18 Tewali n'omu eyali alabye ku Katonda, okuggyako Omwana we
omu yekka, abeera mu kifuba kya kitaffe, oyo ye yatutegeeza byonna
ebimufaako.

*Yokaana Omubatiza Ategeeza nga bw'Atali Kristo*

19 Bino bye bigambo Yokaana Omubatiza bye yategeeza abakulembeze b'Abayudaaya bwe baamutumira bakabona n'Abaleevi okuva mu
Yerusaalemi ne bamubuuza nti, "Ggwe ani?"
20 Teyagaana kubaddamu, wabula yayatulira ddala nti, "Si nze Kristo."
21 Ne bamubuuza nti, "Kale ggwe ani? Ggwe Eriya?"
Yokaana Omubatiza n'addamu nti, "Nedda, si nze ye."
Ne bongera okumubuuza nti, "Ggwe Nnabbi ayogerwako?"
N'addamu nti, "Nedda."

---
* **1:1** Kigambo ye Kristo

22 Awo ne bamugamba nti, “Abatutumye tunaabagamba nti, Ggwe ani? Weeyita otya?”
23 N’abaddamu nti,
“Nze ndi ddoboozi ly’oyo ayogerera mu ddoboozi ery’omwanguka ng’asinziira mu ddungu nti,
‘Mutereeze ekkubo lya Mukama mweteekereteekere okujja kwe, nga nnabbi Isaaya bwe yayogera.’ ”
24 Abaatumibwa baava eri Abafalisaayo.
25 Awo ne babuuza Yokaana nti, “Kale lwaki obatiza, obanga si ggwe Kristo oba Eriya oba nnabbi oli?”
26 Yokaana n’addamu nti, “Nze mbatiza na mazzi, naye waliwo ayimiridde wakati mu mmwe gwe mutamanyi,
27 anvaako emabega, nze sisaanira na kusumulula buguwa bwa ngatto ze.”
28 Ebyo byali Besaniya, emitala w’omugga Yoludaani, Yokaana Omubatiza gye yabatirizanga.

### *Yesu Omwana gw’Endiga owa Katonda*

29 Ku lunaku olwaddirira, Yokaana Omubatiza n’alaba Yesu ng’ajja, n’agamba nti, “Mulabe Omwana gw’Endiga owa Katonda aggyawo ebibi by’ensi.
30 Ye wuuyo gwe nayogerako, bwe nagamba nti, ‘Waliwo omuntu anvaako emabega ye ansinga obuyinza, kubanga ye yaliwo nga nze sinnabaawo.’
31 Nange nnali simumanyi, wabula nze najja okubatiza n’amazzi, ndyoke mulage eri abantu ba Isirayiri.”
32 Awo Yokaana Omubatiza n’abategeeza nga bwe yalaba Mwoyo Mutukuvu ng’akka okuva mu ggulu ng’ali ng’ejjiba n’abeera ku Yesu,
33 n’abagamba nti, “Nze saamutegeera, kyokka Katonda bwe yantuma okubatiza yaŋŋamba nti, ‘Bw’olabanga Mwoyo Mutukuvu ng’akka n’abeera ku muntu, nga oyo, ye Kristo abatiza ne Mwoyo Mutukuvu.’
34 Ekyo nkirabye era nkiweerako obujulirwa nti Ye Mwana wa Katonda.”

### *Abayigirizwa ba Yesu Abaasooka*

35 Awo ku lunaku olwaddirira nate Yokaana bwe yali ayimiridde n’abayigirizwa be babiri,
36 Yesu n’ayitawo ng’atambula. Yokaana n’amutunuulira enkaliriza n’agamba nti, “Mulabe Omwana gw’Endiga wa Katonda.”
37 Awo abayigirizwa abo ababiri bwe baawulira ekyo ne bagoberera Yesu.
38 Yesu bwe yakyuka n’abalaba nga bamugoberera n’ababuuza nti, “Mwagala ki?”
Ne bamuddamu nti, “Labbi” (ekitegeeza nti: “Omuyigiriza”), “obeera wa?”
39 N’abaddamu nti, “Mujje mulabeyo.”
Awo ne bagenda naye gye yali abeera, olunaku olwo ne baluzibiza eyo nga bali naye, obudde bwali ng’essaawa kkumi ez’olweggulo okutuusa akawungeezi.
40 Omu ku abo ababiri abaawulira Yokaana ng’ayogera ne bagoberera Yesu, yali Andereya, muganda wa Simooni Peetero.
41 Awo Andereya n’agenda anoonya muganda we Simooni n’amugamba nti, “Tulabye Masiya” (amakulu nti Kristo).
42 Andereya n’atwala Simooni eri Yesu.

Yesu bwe yeetegereza Simooni, n'amugamba nti, "Ggwe Simooni omwana wa Yokaana, kale onooyitibwanga Keefa," amakulu nti Peetero.

### *Yesu Ayita Firipo ne Nassanayiri*

43 Ku lunaku olwaddirira, Yesu n'agenda e Ggaliraaya, bwe yasanga Firipo n'amugamba nti, "Ngoberera."
44 Firipo yali wa mu kibuga Besusayida ewaabwe wa Andereya ne Peetero.
45 Firipo bwe yalaba Nassanayiri, n'amugamba nti, "Tulabye Yesu mutabani wa Yusufu ow'e Nazaaleesi, Musa ne bannabbi gwe baawandiikako."
46 Nassanayiri n'amuddamu nti, "Mu Nazaaleesi musobola okuvaamu ekintu ekirungi?"
Firipo kwe kumuddamu nti, "Jjangu weerabireko."
47 Nassanayiri bwe yali asemberera Yesu, Yesu n'agamba nti, "Laba, Omuyisirayiri wawu ataliimu bukuusa."
48 Nassanayiri kwe kumuddamu nti, "Ontegedde otya?"
Yesu n'amugamba nti, "Firipo bw'abadde tannakutuukako, nkulabye ng'oli wansi w'omutiini."
49 Nassanayiri n'amuddamu nti, "Labbi, oli Mwana wa Katonda, gwe Kabaka wa Isirayiri!"
50 Awo Yesu n'amugamba nti, "Okkiriza kubanga nkugambye nti nkulabye ng'oli wansi w'omutiini? Oliraba n'ebisinga awo obukulu.
51 Ddala ddala nkugamba nti oliraba eggulu nga libikkuse ne bamalayika ba Katonda nga balinnya era nga bakkira ku Mwana w'Omuntu."

## 2

1 Awo bwe waayitawo ennaku bbiri ne wabaawo embaga ey'obugole mu Kaana eky'e Ggaliraaya ne nnyina Yesu yaliyo.
2 Yesu awamu n'abayigirizwa be nabo baayitibwa.
3 Wayini bwe yaggwaawo, nnyina Yesu n'ajja gy'ali n'amugamba nti, "Tebakyalina wayini."
4 Yesu n'amuddamu nti, "Maama ndeka, kubanga ekiseera kyange tekinnatuuka."
5 Nnyina Yesu n'agamba abaweereza nti, "Kyonna ky'abagamba kye muba mukola."
6 Waaliwo amasuwa amanene mukaaga agaategekebwa olw'omukolo gw'Abayudaaya ogw'okwetukuza, buli limu nga lirimu lita kikumi oba kikumi mu ataano.
7 Yesu n'agamba abaweereza nti, "Amasuwa mugajjuze amazzi." Ne bagajjuza okutuuka ku migo.
8 Awo n'abagamba nti, "Kale musene mutwalire omukulu w'abagabuzi."
Ne basena ne bamutwalira.
9 Omukulu w'abagabuzi bwe yalega ku mazzi agafuuse wayini, nga tamanyi gy'avudde, so nga bo abaweereza baali bamanyi, n'ayita omugole omusajja
10 n'amugamba nti, "Bulijjo omuntu asooka kugabula wayini omuka, n'oluvannyuma ng'abagenyi be banywedde nnyo, tebakyafaayo olwo n'alyoka agabula ogutali muka nnyo. Naye ggwe wayini omuka gw'osembezzaayo!"
11 Ekyamagero kino, Yesu kye yasookerako okukola mu lwatu mu Kaana eky'e Ggaliraaya, ng'alaga ekitiibwa kye. Abayigirizwa be bwe baakiraba ne bamukkiriza.

12 Embaga bwe yaggwa Yesu n'adda e Kaperunawumu n'abayigirizwa
be n'amalayo ennaku ntono ng'ali eyo ne nnyina ne baganda be.

*Yesu Alongoosa Yeekaalu*

13 Embaga y'Abayudaaya ey'Okuyitako bwe yali eneetera okutuuka Yesu
n'ayambuka e Yerusaalemi.
14 N'asanga mu Yeekaalu abaali batunda ente n'endiga n'amayiba era
n'abali bawaanyisa ensimbi.
15 Awo Yesu n'addira emiguwa n'agifunyaafunya ne giba ng'embooko
n'agobawo endiga n'ente, n'asaasaanya n'ensimbi ez'abaali bawaanyisa,
n'avuunika n'emmeeza zaabwe.
16 N'akyukira abaali batunda amayiba n'abagamba nti, "Bino mubiggye
wo. Temufuula Nnyumba ya Kitange katale*."
17 Awo abayigirizwa ne bajjukira Ekyawandiikibwa ekigamba nti,
"Obuggya bw'Ennyumba yo, Ayi Mukama, bulindya."
18 Awo Abayudaaya ne bamubuuza nti, "Kabonero ki k'otulaga nti olina
obuyinza okukola bino?"
19 Yesu kwe kuddamu nti, "Mumenyeewo Yeekaalu eno ngizzeewo mu
nnaku ssatu."
20 Ne bamuddamu nti, "Kiki ky'otegeeza? Yeekaalu eno yatwalira ddala
emyaka amakumi ana mu mukaaga okuzimba oyinza otya okugizimbira
ennaku essatu?"
21 Kyokka Yeekaalu gye yali ayogerako gwe mubiri gwe.
22 Yesu bwe yamala okuzuukira abayigirizwa ne bajjukira nti kino kye
yali ayogerako. Ne bakkiriza ebyawandiikibwa n'ebigambo Yesu bye
yayogerako.
23 Awo Yesu bwe yali mu Yerusaalemi mu kiseera eky'Embaga
ey'Okuyitako, bangi baalaba obubonero bwe yali akola ne bakkiriza
erinnya lye.
24 Kyokka Yesu teyabeesiga, kubanga amanyi abantu bonna,
25 kubanga yamanya bw'afaanana, nga teyeetaaga kubuulirwa muntu
kyali.

# 3

*Yesu ne Nikodemo*

1 Awo waaliwo omukulembeze w'Abayudaaya erinnya lye Nikodemo,
Omufalisaayo,
2 n'ajja eri Yesu ekiro okwogera naye. N'amugamba nti, "Labbi, tumanyi
nti oli muyigiriza eyava eri Katonda kubanga eby'amagero by'okola tewali
ayinza kubikola okuggyako nga Katonda ali wamu naye."
3 Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu
bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Ka-
tonda."
4 Nikodemo n'amuddamu nti, "Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw'aba
nga muntu mukulu? Ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi
ogwokubiri, n'azaalibwa?"
5 Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Okuggyako
ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwak-
abaka bwa Katonda.

---

* **2:16** Yeekaalu ya Mukama yalina ekifo Bannaggwanga we baakuŋŋaaniranga ne basinza, nga bazze mu Yeekaalu. Kyokka bakabona baali bakifuusizaamu akatale abaawangayo Ssaddaaka we baggyanga eby'okuwaayo ku lunaku lwa Ssabbiiti.

6 Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri, n'ekizaalibwa Omwoyo kiba mwoyo.
7 Noolwekyo teweewuunya kubanga nkugambye nti kibagwanira okuza-
alibwa omulundi ogwokubiri.
8 Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, naye
tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bw'abeera omuntu
yenna azaalibwa Omwoyo."
9 Nikodemo n'amubuuza nti, "Ebyo biyinza bitya okubaawo?"
10 Yesu n'amuddamu nti, "Ggwe omuyigiriza wa Isirayiri, n'otomanya
bintu bino?
11 Ddala ddala nkugamba nti twogera kye tumanyi, ne tutegeeza kye
twalaba, so temukkiriza bujulirwa bwaffe.
12 Naye obanga temukkiriza bwe mbabuulira eby'ensi, kale munaa-
sobola mutya okukkiriza bwe nnaababuulira eby'omu ggulu?
13 Kubanga tewali muntu eyali alinnye mu ggulu, okuggyako eyava mu
ggulu, ye Mwana w'Omuntu.
14 Era nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu, bwe kityo
n'Omwana w'Omuntu kimugwanira okuwanikibwa,
15 buli amukkiriza alyoke afune obulamu obutaggwaawo.
16 "Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we
omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune
obulamu obutaggwaawo.
17 Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango,
wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye.
18 Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga
kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda.
19 Era guno gwe musango nti: Omusana guzze mu nsi, kyokka abantu
ne baagala ekizikiza okusinga omusana, kubanga ebikolwa byabwe bibi.
20 Buli akola ebibi akyawa Omusana era tajja eri musana, ebikolwa bye
bireme okumanyibwa.
21 Naye buli ajja eri omusana akola eby'amazima, ebikolwa bye
bimanyibwe nga byakolerwa mu Katonda."

### *Yesu ne Yokaana Omubatiza*

22 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'abayigirizwa be ne bajja mu nsi y'e
Buyudaaya, n'abeera eyo nabo, era n'abatiza.
23 Mu kiseera ekyo ne Yokaana yali abatiriza mu Enoni okumpi ne
Salimu, kubanga awo waaliwo amazzi mangi, era ng'abantu bangi bajja
okubatizibwa,
24 olwo nga tannateekebwa mu kkomera.
25 Ne wabaawo empaka wakati w'abayigirizwa ba Yokaana
n'Omuyudaaya ku nsonga ey'okutukuzibwa.
26 Ne bajja eri Yokaana ne bamugamba nti, "Labbi, omuntu oli gwe
wali naye emitala w'omugga Yoludaani, gwe wayogerako, laba abatiza era
abantu bonna bagenda gy'ali."
27 Yokaana n'abaddamu nti, "Omuntu tayinza kuba na kintu okuggyako
nga kimuweereddwa okuva mu ggulu.
28 Mmwe mwennyini mukimanyi bulungi nga bwe nabagamba nti, 'Si
nze Kristo.' Nze natumibwa okumukulembera.
29 Nannyini mugole ye awasizza, naye mukwano nnannyini mugole ay-
imirira ng'amuwulidde, era asanyukira nnyo eddoboozi ly'oyo awasizza.
Noolwekyo essanyu lyange lituukiridde.
30 Kimugwanira ye okugulumizibwa naye nze okutoowazibwa.

31 “Oyo ava mu ggulu, yafuga byonna. Ow’omu nsi, aba wa mu nsi, era
ayogera bya mu nsi.
32 Ye ategeeza ebyo bye yalaba ne bye yawulira, so tewali akkiriza
by’ategeeza.
33 Naye oyo akkiriza by’ategeeza akakasa nti Katonda wa mazima.
34 Kubanga oyo eyatumwa Katonda ategeeza ebigambo bya Katonda,
n’Omwoyo gw’agaba tagerebwa.
35 Kitaffe ayagala Omwana we era yamukwasa byonna mu mukono gwe.
36 Oyo akkiriza Omwana alina obulamu obutaggwaawo, naye oyo
atakkiriza Mwana, taliraba bulamu era Katonda amusunguwalira.”

# 4

### *Yesu n’Omukazi Omusamaliya*

1 Awo Yesu bwe yamanya nti Abafalisaayo bategedde nti abantu bangi
bafuuse bayigirizwa be, era ng’abatiza bangi okusinga Yokaana,
2 newaakubadde nga Yesu yennyini teyabatiza wabula abayigirizwa be,
be baabatizanga,
3 n’ava e Buyudaaya n’addayo e Ggaliraaya.
4 Kyali kimugwanira okuyita mu Samaliya.
5 Awo n’atuuka mu kibuga ky’e Samaliya ekiyitibwa Sukali, nga kiri
kumpi n’ekibanja Yakobo kye yawa mutabani we Yusufu.
6 Awo we waali oluzzi lwa Yakobo. Yesu yali akooye olw’olugendo lwe
yatambula, n’atuula awo ku luzzi. Obudde bwali ng’essaawa mukaaga
ez’omu ttuntu.
7 Awo omukazi Omusamaliya bwe yajja okukima amazzi, Yesu
n’amugamba nti, “Mpa ku mazzi nnyweko.”
8 Mu kiseera ekyo abayigirizwa be baali bagenze mu kibuga okugulayo
ku mmere.
9 Awo omukazi Omusamaliya n’amugamba nti, “Ggwe Omuyudaaya
oyinza otya okusaba nze Omusamaliya amazzi okunywa?” Kubanga
Abayudaaya nga tebakolagana na Basamaliya.
10 Yesu n’amuddamu nti, “Singa obadde omanyi ekirabo kya Katonda,
n’oyo akugamba nti mpa nnywe ku mazzi bw’ali ggwe wandimusabye,
naye yandikuwadde amazzi amalamu.”
11 Omukazi n’amugamba nti, “Ssebo, tolina kalobo, n’oluzzi luwanvu
nnyo.
12 Ate n’ekirala, ggwe oli mukulu okusinga jjajjaffe Yakobo eyatuwa
oluzzi luno ate nga yanywangamu ye n’abaana be n’ensolo ze?”
13 Yesu n’amuddamu nti, “Buli muntu yenna anywa ku mazzi gano
ennyonta eriddamu okumuluma.
14 Naye buli anywa ku mazzi nze ge ndimuwa, talirumwa nnyonta
emirembe gyonna era galifuuka mu ye ensulo etekalira, ne gakulukuta
okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.”
15 Omukazi n’amugamba nti, “Ssebo, mpa ku mazzi ago, ennyonta
eremenga kunnuma era nneme kujjanga wano kukima mazzi.”
16 Yesu n’amugamba nti, “Genda oyite balo, okomewo.”
17 Omukazi n’amuddamu nti, “Sirina baze!”
Yesu n’amugamba nti, “Oyogedde kituufu nti tolina balo.
18 Kubanga walina babalo bataano, naye oyo gw’olina kaakano si balo.
Ekyo oyogedde mazima.”

19 Omukazi n'agamba Yesu nti, "Ssebo, ndaba ng'oli nnabbi.
20 Ku lusozi luno bajjajjaffe kwe baasinzizanga. Naye mmwe mugamba
nti, Yerusaalemi kye kifo ekigwana okusinzizangamu."
21 Yesu n'amugamba nti, "Mukazi wattu nzikiriza, kubanga ekiseera kijja
kye mutalisinzizangamu Kitaffe ku lusozi luno wadde mu Yerusaalemi.
22 Mmwe musinza kye mutamanyi; ffe tusinza kye tumanyi kubanga
obulokozi buva mu Buyudaaya.
23 Naye ekiseera kijja, era kituuse, abo abasinziza mu mazima bwe
banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo ne mu mazima. Kubanga Kitaffe
anoonya abo abamusinza era n'abo abamusinza kibagwanira okumusin-
zanga mu mwoyo ne mu mazima.
24 Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumus-
inza mu mwoyo ne mu mazima."
25 Omukazi n'amugamba nti, "Weewaawo, mmanyi nti Masiya, gwe
bayita Kristo, ajja. Ye bw'alijja, alitutegeeza ebintu byonna."
26 Yesu n'amugamba nti, "Nze nzuuno ayogera naawe."
27 Awo mu kiseera ekyo abayigirizwa ba Yesu ne bakomawo. Ne
beewuunya okulaba ng'ayogera n'omukazi. Kyokka ne watabaawo
amubuuza nsonga emwogezezza naye wadde bye babadde boogerako.
28 Awo omukazi n'aleka awo ensuwa ye n'agenda mu kibuga n'ategeeza
abantu nti,
29 "Mujje mulabe omuntu antegeezezza buli kye nnali nkoze. Ayinza
okuba nga ye Kristo?"
30 Ne bava mu kibuga ne bajja eri Yesu.
31 Mu kiseera ekyo abayigirizwa baali beegayirira Yesu alye ku mmere,
nga bagamba nti, "Labbi lya ku mmere."
32 N'abaddamu nti, "Nze nnina ekyokulya mmwe kye mutamanyi."
33 Awo abayigirizwa ne beebuuzaganya nti, "Waliwo omuntu
amuleetedde ekyokulya?"
34 Yesu n'abaddamu nti, "Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma
by'ayagala, era n'okutuukiriza omulimu gwe.
35 Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula
gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro!
Amakungula gatuuse.
36 Akungula asasulwa empeera ye era n'akuŋŋaanyiza ebibala mu
bulamu obutaggwaawo, olwo asiga n'akungula balyoke basanyukire
wamu.
37 Bwe kityo ekigambo nti, 'Omu asiga omulala n'akungula,' kyekiva
kiba eky'amazima.
38 Mbatumye mmwe okukungula kye mutaasiga. Abalala be baasiga
naye mmwe mugobolodde."

### *Abasamaliya Bangi Bakkiriza*

39 Abasamaliya bangi ab'omu kibuga abaamukkiririzaamu olw'ebyo
omukazi bye yabategeeza, ng'abagamba nti, "Antegeezezza buli kye nnali
nkoze!"
40 Awo Abasamaliya bwe bajja eri Yesu ne bamwegayirira yeeyongere
okubeera nabo, n'abeera nabo ennaku bbiri.
41 Bangi ne bakkiriza olw'ebyo bye yabategeeza.
42 Awo ne bagamba omukazi nti, "Tumukkiriza si lwa bigambo byo
byokka, naye naffe twewuliridde ebigambo bye. Ddala tutegedde nga ye
Mulokozi w'ensi."

### *Yesu Awonya Mutabani w'Omukungu*

43 Ennaku ezo ebbiri bwe zaggwaako, Yesu n'ava e Samaliya n'alaga e Ggaliraaya.
44 Ye yennyini yagamba nti, "Nnabbi taweebwa kitiibwa mu nsi gy'asibuka."
45 Awo Abagaliraaya ne bamwaniriza n'essanyu lingi nnyo, kubanga baali bamaze okulaba eby'amagero bye yakolera mu Yerusaalemi bwe baali ku Mbaga ey'Okuyitako.
46 Yesu n'akomawo mu Kaana eky'e Ggaliraaya, gye yafuulira amazzi wayini. Waaliyo omukungu wa gavumenti ow'e Kaperunawumu eyalina mutabani we nga mulwadde.
47 Omukungu bwe yawulira nga Yesu avudde e Buyudaaya azze e Ggaliraaya, n'agenda gy'ali n'amusaba agende amuwonyeze mutabani we eyali okumpi n'okufa.
48 Yesu n'amugamba nti, "Temusobola kunzikiriza nga temulabye ku bubonero na byamagero?"
49 Omukungu n'amugamba nti, "Mukama wange, nkusaba oserengete ojje ng'omwana wange tannafa!"
50 Awo Yesu n'amugamba nti, "Ggenda mutabani wo awonye!" Omusajja n'akkiriza Yesu ky'amugambye n'agenda.
51 Naye bwe yali ng'akyali mu kkubo abaddu be ne bamusisinkana ne bamutegeeza nti mutabani we awonye.
52 N'ababuuza ekiseera omulenzi we yassuukidde. Ne bamuddamu nti, "Jjo olw'eggulo essaawa nga musanvu omusujja ne gumuwonako!"
53 Awo Kitaawe w'omulenzi n'ajjukira nga ky'ekiseera ekyo Yesu we yamugambira nti, "Mutabani wo awonye." Awo omukungu oyo n'ab'enju ye bonna ne bakkiriza.
54 Kino kye kyamagero ekyokubiri Yesu kye yakola ng'akomyewo e Ggaliraaya ng'avudde e Buyudaaya.

## 5

### *Yesu Awonyeza ku Kidiba*

1 Oluvannyuma Yesu n'addayo e Yerusaalemi abeewo ku emu ku mbaga z'Abayudaaya.
2 Munda mu Yerusaalemi, okumpi n'Omulyango gw'Endiga waliwo ekidiba ekiyitibwa Besusayida, mu Lwebbulaniya, ekyazimbibwako ebigango bitaano okukyetooloola.
3 Mu bigango ebyo mwagalamirangamu abalwadde bangi nnyo: abalema, abazibe b'amaaso, n'abakoozimbye.
4 Kubanga bwe waayitangawo ekiseera malayika wa Mukama n'ajja n'atabula amazzi ago, era omuntu eyasookanga okukka mu kidiba ng'amazzi gaakatabulwa, ng'awonyezebwa.
5 Waaliwo omusajja eyali yaakalwalira emyaka amakumi asatu mu munaana.
6 Yesu bwe yamulaba n'amanya nga bw'amaze ebbanga eddene nga mulwadde, n'amubuuza nti, "Oyagala okuwonyezebwa?"
7 Omusajja omulwadde n'amuddamu nti, "Ssebo sirina muntu ayinza kunnyamba okunsuula mu kidiba ng'amazzi gaakatabulwa. Buli lwe ngezaako okukkamu we ntukirayo ng'omulala yansoose dda."
8 Yesu n'amugamba nti, "Situka ozingeko omukeeka gwo otambule."

9 Amangwago omusajja n'awonyezebwa. N'azingako omukeeka gwe ne yeetambulira.

Olunaku olwo lwali lwa Ssabbiiti.

10 Abayudaaya kyebaava bagamba omusajja awonyezebbwa nti, "Toteekwa kwetikka mukeeka gwo ku Ssabbiiti, oba omenye etteeka lya Ssabbiiti."

11 Ye n'addamu nti, "Omuntu amponyezza y'aŋŋambye nti, 'Situlawo omukeeka gwo otambule.' "

12 Ne bamubuuza nti, "Omuntu oyo ye ani eyakugambye okusitula omukeeka gwo otambule?"

13 Kyokka omusajja eyawonyezebwa yali tamumanyi, kubanga Yesu yali abulidde mu bantu abangi abaali mu kifo ekyo.

14 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'amulaba mu Yeekaalu, n'amugamba nti, "Kaakano oli mulamu, naye toddangamu okwonoona, akabi akasingawo kaleme okukutuukako."

15 Omuntu oyo n'agenda n'ategeeza Abayudaaya nti Yesu ye yamuwonya.

16 Okuva olwo Abayudaaya ne batandika okuyigganya Yesu, kubanga yakolanga ebintu ebifaanana ng'ekyo ku Ssabbiiti.

17 Yesu n'abaddamu nti, "Kitange bulijjo akola, nange nteekwa okukola."

18 Abayudaaya kyebaava beeyongera okusala amagezi okumutta, kubanga teyakoma ku kya kumenya mateeka ga Ssabbiiti kyokka, naye yeeyita Omwana wa Katonda, ne yeefuula eyenkanaankana ne Katonda.

19 Awo Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Omwana taliiko ky'akola ku bubwe, wabula ekyo ky'alaba Kitaawe ng'akola. Kubanga ye by'akola n'Omwana by'akola.

20 Kubanga Kitaawe w'Omwana ayagala Omwana we era amulaga ky'akola, era Omwana ajja kukola ebyamagero bingi ebyewuunyisa okusinga na bino.

21 Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'azuukiza abafu, bw'atyo n'Omwana awa obulamu abo baayagala.

22 Era Kitaawe w'Omwana talina n'omu gw'asalira musango, naye obuyinza obw'okusala emisango gyonna yabuwa Omwana we,

23 abantu bonna balyoke bassengamu Omwana ekitiibwa nga bwe bassa mu Kitaawe ekitiibwa. Atassaamu Mwana kitiibwa, ne Kitaawe eyamutuma tamussaamu kitiibwa.

24 "Ddala ddala mbagamba nti, Awulira ebigambo byange, n'akkiriza eyantuma, aba n'obulamu obutaggwaawo, era talisingibwa musango, kubanga aliba avudde mu kuzikirira ng'atuuse mu bulamu.

25 Ddala ddala mbagamba nti, Ekiseera kijja, era kituuse, abafu lwe baliwulira eddoboozi ly'Omwana wa Katonda, era n'abaliwulira baliba balamu.

26 Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye,

27 era yamuwa obuyinza okusalira abantu emisango, kubanga ye Mwana w'Omuntu.

28 "Ekyo tekibeewuunyisa, kubanga ekiseera kijja abafu abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye

29 ne bavaamu kubanga be baakola ebintu ebirungi, era balifuna obulamu obutaggwaawo, naye abo abaakolanga ebibi balizuukira ne babonerezebwa.

30 Kyokka Nze siyinza kukola kintu kyonna ku bwange. Kitange nga
bw'aŋŋamba bwe nkola, era n'omusango gwe nsala gwa nsonga kubanga
sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by'ayagala.
31 Singa nneeyogerako nzekka, bye nneyogerako tebiba bya mazima.
32 Waliwo ategeeza gwe ndi, era mmanyi nga bya njogerako bya mazima.
33 "Mmwe mwatuma ababaka eri Yokaana, era ayogedde eby'amazima.
34 Ebigambo ebinkakasa tebiva mu muntu, naye ebyo mbyogera mulyoke
mulokolebwe.
35 Oyo ye yali ettaala eyayaka okubaleetera ekitangaala, ne musalawo
mubeere mu kitangaala ekyo akaseera katono.
36 "Naye nnina ebinkakasa okukira ebyo ebya Yokaana, bye byamagero
bye nkola, Kitange bye yampa, era bikakasa nti Kitange ye yantuma
37 ne Kitange yennyini eyantuma akakasa ebinkwatako. Temuwuliranga
ku ddoboozi lye wadde okulaba ekifaananyi kye.
38 N'ekigambo kye tekiri mu mmwe, kubanga temukkiriza oyo gwe
yatuma.
39 Munoonya mu Byawandiikibwa kubanga mulowooza nti muyinza
okubifuniramu obulamu obutaggwaawo. Kyokka Ebyawandiikibwa ebyo
bye binjulira.
40 Naye temwagala kujja gye ndi mulyoke mufune obulamu obutagg-
waawo.
41 "Sinoonya kusiimibwa bantu.
42 Naye mmwe mbamanyi temuliimu kwagala kwa Katonda.
43 Nzize mu linnya lya Kitange ne mutannyaniriza. Omulala bw'anajja
ku bubwe oyo mujja kumwaniriza.
44 Kale muyinza mutya okukkiriza nga munoonya kusiimibwa bantu
bannammwe, so nga temunoonya kusiimibwa Katonda oyo Omu yekka?
45 "Naye temulowooza nti ndibawawaabira eri Kitange. Abawawaabira
ye Musa, mmwe gwe mulinamu essuubi.
46 Singa Musa mumukkiriza, nange mwandinzikirizza, kubanga yam-
pandiikako.
47 Kale obanga temukkiriza bye yawandiika, munakkiriza mutya
ebigambo byange?"

# 6

*Yesu Aliisa Abantu Enkumi Ettaano*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, Yesu n'asomoka ennyanja ey'e Ggaliraaya, era
eyitibwa ey'e Tiberiya.
2 Ekibiina ky'abantu kinene ne bamugoberera, kubanga baalaba ebya-
magero bye yakola ng'awonya abalwadde.
3 Awo Yesu n'alinnya ku lusozi n'atuula wansi n'abayigirizwa be.
4 Embaga y'Abayudaaya eyitibwa Okuyitako yali eri kumpi okutuuka.
5 Yesu bwe yayimusa amaaso n'alaba ekibiina ky'abantu ekinene, nga
bajja gy'ali, n'agamba Firipo nti, "Tunaagula wa emmere okuliisa abantu
abo bonna?"
6 Yayogera atyo kugezesa Firipo, kubanga Yesu yali amanyi ky'agenda
okukola.
7 Firipo n'amuddamu nti, "Emmere egula eddinaali ebikumi ebibiri
teesobole na kubabuna, buli omu okulyako akatono."
8 Awo omu ku bayigirizwa be, Andereya muganda wa Simooni Peetero,
n'amugamba nti,

9 “Wano waliwo omulenzi alina emigaati etaano egya sayiri,
n’ebyennyanja bibiri. Naye bino binaagasa ki abantu abangi bwe bati?”
10 Yesu n’abagamba nti, “Mutuuze abantu.” Waaliwo omuddo mungi mu
kifo ekyo. Awo abantu ne batuula, ne baba abasajja ng’enkumi ttaano.
11 Awo Yesu n’atoola emigaati ne yeebaza Katonda, n’agabula abantu
abatudde. N’ebyennyanja n’akola bw’atyo. Bonna ne balya ne bakkuta.
12 Oluvannyuma Yesu n’agamba abayigirizwa be nti, “Kale
mukuŋŋaanye obutundutundu obusigaddewo tuleme kufiirwa.”
13 Ne babukuŋŋaanya, ne bajjuza ebisero kkumi na bibiri
eby’obutundutundu obwava mu migaati etaano egya sayiri, obwasigalawo
nga bamaze okulya.
14 Abantu bwe baalaba ekyamagero Yesu kye yakola ne bagamba nti,
“Ddala ono ye Nnabbi oli alindirirwa okujja mu nsi!”
15 Yesu bwe yategeera nti bategeka okumukwata bamufuule kabaka
waabwe n’addayo yekka ku lusozi.

### *Yesu Atambulira ku Mazzi*

16 Obudde bwe bwawungeera abayigirizwa ba Yesu ne baserengeta ku
nnyanja
17 ne basaabala mu lyato ne boolekera Kaperunawumu. N’obudde bwali
buzibye nga ne Yesu tannaba kutuuka gye bali.
18 Awo omuyaga ne gukunta mungi, ennyanja n’esiikuuka.
19 Bwe baavugako kilomita nga ttaano oba mukaaga, ne balaba Yesu
ng’atambulira ku mazzi, ng’asemberera eryato, ne batya.
20 Yesu n’abagamba nti, “Ye Nze, temutya!”
21 Ne baagala okumuyingiza mu lyato, amangwago eryato ne ligoba ku
ttale gye baali bagenda.

### *Abantu Banoonya Yesu*

22 Ku lunaku olwaddirira, ekibiina ky’abantu abaasigala emitala w’eri,
ne balabawo eryato limu lyokka, ne bamanya ng’abayigirizwa be baawun-
guka bokka mu lyato.
23 Kyokka amaato ne gava e Tiberiya ne gagoba awo kumpi n’ekifo
abantu we baaliira emigaati Yesu gye yabawa ng’amaze okwebaza.
24 Awo abantu bwe baalaba nga Yesu taliiwo wadde abayigirizwa be,
ne bakwata amaato ne bawunguka ne batuuka e Kaperunawumu nga
banoonya Yesu.
25 Bwe baamulaba emitala w’ennyanja ne bamubuuza nti, “Labbi,
watuuse ddi wano?”
26 Yesu n’abaddamu nti, “Ddala ddala mbagamba nti munnoonya si lwa
kubanga mwalaba obubonero, naye lwa kubanga mwalya emigaati ne
mukkuta.
27 Temukolerera mmere eggwaawo, wabula munoonye emmere
ebeerera era etuusa mu bulamu obutaggwaawo, Omwana w’Omuntu
gy’alibawa, kubanga Kitaawe w’Omwana amussizaako akabonero.”
28 Awo ne bamubuuza nti, “Tukole ki okutuukiriza ekyo Katonda
ky’ayagala?”
29 Yesu n’abaddamu nti, “Katonda ky’ayagala mukole kwe kukkiriza oyo
gwe yatuma.”
30 Ne bamugamba nti, “Kale kabonero ki ggwe k’okola, tulabe tukukki-
rize? Onookola kabonero ki?
31 Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu nga bwe kyawandiikibwa nti,
‘Yabawa emmere okuva mu ggulu balye.’ ”

32 Awo Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti Musa si
ye yabawa emmere eva mu ggulu, wabula Kitange ye yabawa emmere
ey'amazima eva mu ggulu.
33 Emmere ya Katonda ye eva mu ggulu, era ye awa ensi obulamu."
34 Ne bamugamba nti, "Mukama waffe, tuwenga emmere eyo buli
lunaku."
35 Yesu n'abaddamu nti, "Nze mmere ey'obulamu. Ajja gye ndi enjala
teriddayo kumuluma, era abo abanzikiriza tebaliddayo kulumwa nnyonta.
36 Naye nabagamba nti mundabye naye era ne mutanzikiriza.
37 Buli muntu Kitange gw'ampa alijja gye ndi, era buli ajja gye ndi
sirimugobera bweru.
38 Kubanga ekyanzigya mu ggulu kwe kukola ekyo Katonda eyantuma
ky'ayagala, so si Nze bye njagala ku bwange.
39 Eyantuma ky'ayagala kye kino: Ku abo be yampa nneme kubulwako
n'omu wabula bonna mbazuukize ku lunaku olw'enkomerero.
40 Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino nti buli alaba Omwana we
n'amukkiriza afuna obulamu obutaggwaawo ku lunaku olw'enkomerero."

### *Yesu y'Emmere ey'Obulamu*

41 Awo Abayudaaya ne batandika okwemulugunyiza Yesu, kubanga
yabagamba nti, "Nze mmere eyava mu ggulu."
42 Ne bagamba nti, "Ono si ye Yesu omwana wa Yusufu? Kitaawe ne
nnyina tubamanyi. Kale ayinza atya okugamba nti, 'Nava mu ggulu?' "
43 Yesu n'abagamba nti, "Temwemulugunya.
44 Tewali ayinza kujja gye ndi wabula nga Kitange eyantuma amuyise,
era Nze ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.
45 Kubanga kyawandiikibwa mu bannabbi nti, 'Bonna baliyigirizibwa
Katonda.' Era buli gw'ayigiriza n'ategeera amazima ajja gye ndi.
46 Si kuba nti waliwo eyali alabye ku Kitange, wabula oyo eyava eri
Katonda, ye yalaba Kitaawe.
47 Ddala ddala mbagamba nti, Akkiriza aba n'obulamu obutaggwaawo!
48 Nze mmere ey'obulamu.
49 Bajjajjammwe baalya emaanu mu ddungu ne bafa.
50 Eno y'emmere eyava mu ggulu, buli agiryako aleme okufa.
51 Nze mmere ennamu eyava mu ggulu omuntu bw'alya ku mmere eno
aliba mulamu emirembe n'emirembe. Emmere gye ndigaba okuleetera
ensi obulamu, gwe mubiri gwange."
52 Awo Abayudaaya ne batandika okuwakana bokka na bokka nga
bagamba nti, "Ono ayinza atya okutuwa omubiri gwe okugulya?"
53 Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutalya
mubiri gwa Mwana wa Muntu, ne munywa n'omusaayi gwe, temuyinza
kuba na bulamu mu mmwe.
54 Buli alya omubiri gwange n'anywa n'omusaayi gwange, ng'afunye
obulamu obutaggwaawo era ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.
55 Kubanga omubiri gwange kye kyokulya ddala n'omusaayi gwange kye
kyokunywa ddala.
56 Oyo alya ku mubiri gwange era n'anywa omusaayi gwange abeera mu
nze, era nange mbeera mu ye.
57 Nga Kitange eyantuma bw'ali omulamu, nange bwe ndi omulamu ku
bwa Kitange, noolwekyo oyo alya ku nze naye aliba mulamu ku bwange.
58 Eno ye mmere eva mu ggulu. Teri ng'eyo bajjajjammwe gye baalya
ne bafa. Alya emmere eno anaabanga mulamu emirembe n'emirembe."

59 Ebyo Yesu yabyogera ng'ayigiriza mu kkuŋŋaaniro e Kaperunawumu.

### *Abayigirizwa Abamu Baleka Yesu*

60 Abayigirizwa ba Yesu bangi bwe baabiwulira ne bagamba nti,
"Ekigambo ekyo kizibu okutegeera. Ani asobola okutunnyonnyola
ky'agamba?"
61 Awo Yesu bwe yategeera nga n'abayigirizwa be bakyemulugunyako,
n'abagamba nti, "Ekyo kibeesittaza?
62 Kale mulirowooza ki bwe muliraba Omwana w'Omuntu ng'addayo
gye yava?
63 Mwoyo Mutukuvu y'awa obulamu. Omubiri teguliiko kye gugasa.
Ebigambo bye njogedde gye muli gwe mwoyo era bwe bulamu.
64 Naye era abamu ku mmwe temukkiriza." Kubanga okuva ku lu-
bereberye Yesu yategeera abatamukkiriza era n'oyo agenda okumulyamu
olukwe.
65 Awo n'agamba nti, "Kyennava ŋŋamba nti tewali ayinza kujja gye ndi
bw'atakiweebwa Kitange."
66 Okuva olwo bangi ku bayigirizwa be ne bamuvaako ne bataddayo
kuyita naye.
67 Awo Yesu n'akyukira abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'ababuuza
nti, "Nammwe mwagala kugenda?"
68 Simooni Peetero n'amuddamu nti, "Mukama waffe, tunaagenda eri
ani? Ggwe wekka gw'olina ebigambo by'obulamu obutaggwaawo.
69 Ffe tubikkiriza era tumanyi nti oli Mutukuvu wa Katonda."
70 Awo Yesu kwe kubagamba nti, "Mmwe ekkumi n'ababiri si nze
nabalonda? Naye omu ku mmwe Setaani!"
71 Yesu yayogera ku Yuda, mutabani wa Simooni Isukalyoti, kubanga ye
yali agenda okumulyamu olukwe.

# 7

### *Yesu ne Baganda be*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, Yesu n'alaga e Ggaliraaya, kubanga teyayagala
kubeera mu Buyudaaya, kubanga Abayudaaya baali bamunoonya oku-
mutta.
2 Naye embaga y'Abayudaaya eyitibwa ey'Ensiisira yali eneetera oku-
tuuka.
3 Baganda ba Yesu ne bamugamba nti, "Vva wano, olage mu Buyudaaya,
abayigirizwa bo balabe ebyamagero by'okola.
4 Tosobola kwatiikirira nga weekwese. Kale obanga, okola ebintu ebyo,
weerage eri ensi."
5 Baganda be nabo tebaamukkiriza.
6 Yesu n'abaddamu nti, "Ekiseera kyange eky'okugenda tekinnatuuka.
Naye mmwe muyinza okugenda mu kiseera kyonna we mwagalira.
7 Mmwe ensi teyinza kubakyawa, naye Nze enkyawa kubanga
ngitegeeza ebikolwa byayo ebibi.
8 Mmwe mwambuke ku mbaga. Nze sijja kwambuka ku mbaga eno,
kubanga ekiseera kyange tekinnatuuka."
9 Bwe yamala okubagamba ebyo n'asigala mu Ggaliraaya.

### *Yesu ku Mbaga ey'Ensiisira*

10 Baganda be bwe bamala okwambuka ku mbaga naye n'ayambuka,
mu kyama so si mu lwatu.

11 Awo Abayudaaya ne bamunoonya ku mbaga nga beebuuza nti,
“Omusajja oli, ali ludda wa?”
12 Ne wabaawo oluvuuvuumo lungi mu bantu. Abamu ne bagamba nti,
“Mulungi.” Naye abalala nga bagamba nti, “Nedda, alimba abantu.”
13 Kyokka olw’okutya Abayudaaya, tewaaliwo amwogerako mu lwatu.

### *Yesu Ayigiriza ku Mbaga*

14 Awo mu makkati g’embaga Yesu n’ayambuka mu Yeekaalu n’ayigiriza.
15 Abakulembeze b’Abayudaaya ne beewuunya nga bagamba nti,
“Omuntu ono ayinza atya okumanya okusoma so nga tasomangako?”
16 Awo Yesu kwe kubaddamu nti, “Nze sibayigiriza byange ku bwange,
wabula eby’oyo eyantuma.
17 Buli ayagala okukola Katonda by’ayagala, ategeera obanga bye
njigiriza byange ku bwange oba bya Katonda.
18 Ayogera ku bubwe anoonya kitiibwa kye, naye oyo anoonya ekitiibwa
ky’oyo eyantuma wa mazima so n’obutali butuukirivu tebuba mu ye.
Musa teyabawa amateeka?
19 Ku mmwe tekuliiko n’omu akwata mateeka. Kale lwaki musala
amagezi okunzita?”
20 Ekibiina ky’abantu ne baddamu nti, “Oliko dayimooni! Ani asala
amagezi okukutta?”
21 Yesu n’addamu nti, “Nakola ekikolwa kimu ku Ssabbiiti buli muntu
ne yeewuunya.
22 Musa kyeyava abalagira okukomolebwa, okukomolebwa tek-
watandikira ku Musa wabula kwatandikira ku bajjajjammwe; ne ku
Ssabbiiti mukomola omuntu.
23 Obanga mukomola ku Ssabbiiti etteeka lya Musa lireme oku-
menyebwa, kale lwaki Nze munsunguwalira olw’okuwonya omuntu ku
Ssabbiiti, n’aba mulamu ddala?
24 Temusalanga musango okusinziira ku ndabika, naye musalenga
omusango ogw’ensonga.”

### *Yesu ye Kristo*

25 Awo abantu abamu ab’omu Yerusaalemi ne beebuuzaganya nga
bagamba nti, “Ono si ye muntu gwe banoonya okutta?
26 Kale wuuno ayigiriza lwatu, ate tebaliiko kye bamugambako. Osanga
abakulembeze bategedde nti omuntu ono ye Kristo!
27 Naye tumanyi omuntu ono gy’ava; so nga Kristo bw’alijja tewaliba
n’omu amanya gy’ava.”
28 Awo Yesu bwe yali ng’akyayigiriza mu Yeekaalu n’akangula ku
ddoboozi n’agamba nti, “Ddala mummanyi ne gye nva mumanyiiyo. Sajja
ku bwange wabula ekituufu nti oyo eyantuma gwe mutamanyi.
29 Nze mmumanyi, kubanga nava gy’ali, era ye yantuma.”
30 Awo ne basala amagezi okumukwata, kyokka tewaali amukwatako,
kubanga ekiseera kye kyali tekinnaba kutuuka.
31 Naye bangi mu bibiina by’abantu ne bamukkiriza, ne bagamba nti,
“Kale Kristo bw’alijja, alikola eby’amagero ebisinga eby’ono byakoze?”
32 Awo Abafalisaayo ne bawulira abantu nga boogera ku Yesu mu
bwama. Awo bakabona abakulu n’Abafalisaayo ne batuma abaweereza
baabwe okumukwata.
33 Awo Yesu n’agamba nti, “Nzija kumala nammwe ebbanga ttono,
ndyoke nzireyo eri oyo eyantuma.

34 Mulinnoonya, naye temugenda kundaba, nga gye ndi, mmwe temuy-
inza kutuukayo."
35 Awo Abayudaaya ne beebuuzaganya nti, "Omuntu ono alaga wa gye
tutalimulabira? Ayagala kugenda eri abo abaasaasaanira mu Buyonaani,
ayigirize Abayonaani?
36 Ategeeza ki bw'agamba nti, 'Mulinnoonya, naye temulindaba?' Era
nti, 'Gye ndaga temuyinza kutuukayo?' "

### *Ensulo z'Amazzi amalamu*

37 Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu,
Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti,
"Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe!
38 Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga
egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe!"
39 Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali
bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu
yali tannaba kugulumizibwa.
40 Abantu abamu mu kibiina bwe baawulira ng'ayogera bw'atyo, ne
bagamba nti, "Ddala omuntu ono ye Nnabbi."
41 Abalala ne bagamba nti, "Omuntu ono ye Kristo." Naye abalala ne
bagamba nti, "Nedda, Kristo tayinza kuba ng'ava mu Ggaliraaya."
42 Kubanga Ekyawandiikibwa kigamba nti: Kristo wa kuva mu zzadde
lya Dawudi, era nga wa kuzaalibwa mu Besirekemu, ekibuga kya Dawudi
mwe yali.
43 Awo ekibiina ne kyesalamu olwa Yesu.
44 Abamu ne baagala okumukwata, kyokka ne wabulawo amukwatako.

### *Obutakkiriza bw'Abakulembeze b'Abayudaaya*

45 Awo abaweereza b'abakabona abakulu n'Abafalisaayo ne baddayo
eri bakabona abakulu n'Abafalisaayo. Abakulembeze Ne bababuuza nti,
"Lwaki temumuleese?"
46 Abaweereza ne baddamu nti, "Ebigambo by'ayogera bya kitalo,
tetubiwulirangako."
47 Abafalisaayo ne babagamba nti, "Era nammwe abakyamizza?
48 Waliwo n'omu ku bakulembeze wadde ku Bafalisaayo eyali akkiri-
rizza mu muntu oyo?
49 Naye ekibiina ky'abantu bano abatamanyi mateeka, bakolimiddwa!"
50 Awo Nikodemo, omu ku bo eddako eyagenda eri Yesu, n'abuuza nti,
51 "Amateeka gaffe gakkiriza okusalira omuntu omusango nga tannaba
kuwozesebwa okutegeera ky'akoze?"
52 Ne bamuddamu nti, "Naawe wava Ggaliraaya? Nnoonyereza, ojja
kulaba nti e Ggaliraaya teva nnabbi."
53 *Awo ne baabuka, buli omu n'addayo eka.*

## 8

### *Omukazi Eyakwatibwa ng'Ayenda*

1 *Awo Yesu n'alaga ku lusozi olwa Zeyituuni.*
2 *Ku makya ennyo n'akomawo mu Yeekaalu, abantu bonna ne bajja gy'ali,*
*n'atuula n'abayigiriza.*
3 *Awo abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne baleeta omukazi gwe*
*baakwata ng'ayenda, ne bamuteeka wakati mu maaso g'ekibiina.*

4 *Ne bagamba Yesu nti, “Omuyigiriza, omukazi ono akwatibbwa*
*ng’ayenda.*
5 *Amateeka Musa ge yatulagira gagamba kubakuba mayinja abali ng’ono.*
*Noolwekyo ggwe ogamba otya ku nsonga eyo?”*
6 *Ekyo baakyogera nga bamugezesa, bafune kye banaasinziirako oku-*
*muwawaabira.*
*Naye Yesu n’akutama n’awandiika ku ttaka n’olunwe.*
7 *Bwe beeyongera okumubuuza, n’akutaamulukuka, n’agamba nti, “Mu*
*mmwe atayonoonangako y’aba asooka okumukuba ejjinja.”*
8 *N’addamu okukutama, era n’awandiika ku ttaka n’olunwe.*
9 *Bwe baawulira ebyo, ne baseebulukuka kinnoomu, abasinga obukulu nga*
*be basoose, okutuusa Yesu n’omukazi bwe baasigalawo bokka mu maaso*
*g’ekibiina.*
10 *Awo Yesu n’akutaamulukuka ate, n’abuuza omukazi nti,*
*“Abakuwawaabira baluwa?”*
11 *Omukazi n’amuddamu nti, “Mukama wange, tewali n’omu.”*
*Yesu n’amugamba nti, “Nange sikusalira musango kukusinga. Genda,*
*naye toddangayo okwonoona.”*

### *Yesu gwe Musana gw’Ensi*

12 Awo Yesu n’ayongera okwogera n’ekibiina, n’agamba nti, “Nze
Musana gw’ensi. Angoberera taatambulirenga mu kizikiza, wabula
anaabeeranga n’omusana ogw’obulamu.”
13 Abafalisaayo ne bamugamba nti, “Weeyogerako naye by’oyogera bya
bulimba.”
14 Yesu n’abaddamu nti, “Newaakubadde neeyogerako, bye njogera
bituufu, kubanga mmanyi gye nava ne gye ndaga. Naye mmwe temumanyi
gye nva wadde gye ndaga.
15 Mmwe musala omusango ng’abantu obuntu. Nze siriiko gwe nsalira
musango.
16 Naye singa mbadde nsala omusango, ensala yange ya mazima,
kubanga siri nzekka, naye ndi ne Kitange eyantuma.
17 Amateeka gammwe gagamba nti ssinga abajulirwa babiri bakki-
riziganya ku kintu, obujulirwa bwabwe buba bwa mazima.
18 Kale Nze nneyogerako era n’oyo eyantuma ategeeza ebyange.”
19 Awo ne bamubuuza nti, “Kitaawo ali ludda wa?” Yesu n’abaddamu
nti, “Nze temuntegeera ne Kitange temumutegeera. Singa muntegeera ne
Kitange mwandimutegedde.”
20 Ebigambo ebyo Yesu yabyogerera mu kifo omuteekebwa ebirabo,
bwe yali ng’ayigiriza mu Yeekaalu. Naye ne wataba amukwata, kubanga
ekiseera kye kyali tekinnatuuka.
21 Awo Yesu ne yeeyongera, n’abagamba nate nti, “Nze ŋŋenda,
mulinnoonya, naye mulifiira mu bibi byammwe. Gye ŋŋenda mmwe
temuyinza kujjayo.”
22 Awo Abayudaaya ne bagamba nti, “Agenda kwetta kyava agamba nti,
‘Nze gye ndaga, mmwe temuyinza kujjayo?’ ”
23 Yesu n’abagamba nti, “Mmwe muli ba ku nsi, naye Nze ndi wa mu
ggulu. Mmwe muli ba ku nsi kuno, Nze siri wa ku nsi kuno.
24 Kyenvudde mbagamba nti mulifiira mu bibi byammwe, kubanga
bwe mutakkiriza nti nze wuuyo, Omwana wa Katonda, mulifiira mu bibi
byammwe.”
25 Ne bamubuuza nti, “Ggwe ani?”

Yesu n'abaddamu nti, "Lwaki mbategeeza?
26 Nnina bingi eby'okuboogerako n'okubasalira omusango okubasinga,
kyokka eyantuma wa mazima, era ebyo bye nawulira okuva gy'ali bye
ntegeeza ensi."
27 Kyokka tebaategeera Kitaawe gw'ayogerako.
28 Awo Yesu n'abagamba nti, "Bwe mulimala okuwanika Omwana
w'Omuntu ne mulyoka mutegeera nti nze wuuyo, era siriiko kye nkola
ku bwange, naye njogera ebyo Kitange bye yanjigiriza.
29 Era oyo eyantuma ali nange, tandekanga bw'omu, kubanga bulijjo
nkola by'ayagala."
30 Yesu bwe yayogera ebigambo ebyo bangi ne bamukkiriza.

### *Abaana ba Ibulayimu*

31 Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abaamukkiriza nti, "Bwe munywer-
era ku kigambo kyange muba bayigirizwa bange ddala.
32 Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe."
33 Ne bamuddamu nti, "Ffe tuli bazzukulu ba Ibulayimu, tetubangako
baddu ba muntu n'omu. Oyinza otya okugamba nti, 'Mulifuuka ba
ddembe?' "
34 Yesu n'abaddamu nti, "Ddala ddala mbagamba nti buli akola ekibi aba
muddu wa kibi.
35 Omuddu taba wa lubeerera mu maka, naye omwana ye, aba waamu
ennaku zonna.
36 Kale, Omwana bw'alibafuula ab'eddembe, mulibeerera ddala ba
ddembe.
37 Weewaawo ntegeera nga muli bazzukulu ba Ibulayimu, naye ate
abamu ku mmwe musala amagezi okunzita, kubanga ekigambo kyange
temukikkiriza.
38 Nze mbategeeza ebyo Kitange bye yandaga, nammwe mukola ebyo
kitammwe bye yababuulira."
39 Ne bamuddamu nti, "Kitaffe ye Ibulayimu." Yesu n'abaddamu nti,
"Singa mubadde baana ba Ibulayimu mwandikoze ebyo Ibulayimu bye
yakola.
40 Naye kaakano, Nze ababuulidde ebyo byennyini bye nawulira okuva
eri Katonda musala amagezi okunzita. Ekifaanana ng'ekyo Ibulayimu
teyakikola.
41 Mukola emirimu gya kitammwe."
Ne bamuddamu nti, "Ffe tetwazaalibwa mu bwenzi, Kitaffe gwe tulina
ali omu, ye Katonda."
42 Yesu n'abagamba nti, "Singa Katonda ye Kitammwe mwandinjagadde,
kubanga nava gy'ali okujja gye muli, sajja ku bwange wabula ye yantuma.
43 Lwaki temutegeera bye njogera? Kubanga temwagala kuwulira
bigambo byange.
44 Kubanga Setaani ye kitammwe era nammwe mwagala okukola ebyo
kitammwe by'ayagala. Okuva ku lubereberye mutemu era tanywerera mu
mazima, era mu ye temuli mazima. Bw'ayogera eby'obulimba ayogera
ebiva mu bibye, kubanga mulimba era kitaawe w'abalimba.
45 Naye kubanga njogera mazima kyemuva mutanzikiriza.
46 Ani mu mmwe annumiriza ekibi? Bwe njogera amazima, kiki
ekibagaana okunzikiriza?
47 Buli muntu wa Katonda awulira ebigambo bya Katonda. Naye mmwe
temuwulira kubanga temuli ba Katonda."

48 Awo Abayudaaya ne baddamu Yesu nti, “Tetuli batuufu okugamba nti
oli Musamaliya, era oliko dayimooni?”
49 Yesu n’abaddamu nti, “Nze siriiko dayimooni, naye nzisaamu Kitange
ekitiibwa naye mmwe temunzisaamu kitiibwa.
50 Naye Nze sinoonya kussibwamu kitiibwa, waliwo omu ye akisaanira
era y’alamula.
51 Ddala ddala mbagamba nti, Buli anywerera ku kigambo kyange talifa
emirembe n’emirembe.”
52 Awo Abayudaaya ne bamuddamu nti, “Kaakano tutegeeredde ddala
nti oliko dayimooni. Ibulayimu yafa era ne bannabbi baafa, ate
ggwe ogamba nti, ‘Buli anywerera ku kigambo kyange talifa emirembe
n’emirembe.’
53 Ggwe mukulu okukira jjajjaffe Ibulayimu eyafa? Bannabbi nabo
baafa. Ggwe weeyita ani?”
54 Yesu n’addamu nti, “Singa Nze neegulumiza okwegulumiza kwange
tekubaamu nsa, angulumiza ye Kitange mmwe gwe muyita Katonda
wammwe,
55 mmwe temumumanyi. Nze mmumanyi. Bwe ŋŋamba nti simumanyi
mba mulimba nga mmwe bwe muli. Nze mmumanyi era n’ekigambo kye
nkikuuma.
56 Kitammwe Ibulayimu yasanyuka okulaba olunaku lwange. Yamanya
nti nzija era ne kimusanyusa.”
57 Abayudaaya ne bamugamba nti, “Tonnaweza na myaka amakumi
ataano egy’obukulu n’ogamba nti walaba Ibulayimu?”
58 Yesu n’abaddamu nti, “Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu yali
tannabaawo, Nze nga wendi.”
59 Awo ne bakwata amayinja okumukuba, kyokka Yesu ne yeekweka
n’afuluma mu Yeekaalu.

# 9

### *Yesu Awonya Omuzibe w’Amaaso*

1 Awo Yesu bwe yali ng’atambula, n’alaba omusajja eyazaalibwa nga
muzibe w’amaaso.
2 Abayigirizwa be ne bamubuuza nti, “Labbi, ani eyayonoona, ono oba
bazadde be alyoke azaalibwe nga muzibe w’amaaso?”
3 Yesu n’addamu nti, “Ku bonna omusajja ono newaakubadde bazadde
be tekuliiko yayonoona, wabula kino kyabaawo emirimu gya Katonda
girabikire ku ye.
4 Kale kitugwanidde okukola emirimu gy’oyo eyantuma, obudde nga
bukyali misana. Ekiro kijja omuntu mw’atasobolera kukola.
5 Kyokka Nze bwe mbeera mu nsi mba musana gwa nsi.”
6 Yesu bwe yamala okwogera bw’atyo, n’awanda amalusu ku ttaka
n’atabula, n’alisiiga ku maaso g’omusajja oyo.
7 N’amugamba nti, “Genda onaabe mu kidiba kya Sirowamu,” amakulu
nti, “Eyatumibwa”. Awo omusajja n’agenda, n’anaaba, n’adda ng’alaba.
8 Baliraanwa b’oyo eyawonyezebwa era n’abalala abaali bamumanyi
nga muzibe w’amaaso, asabiriza, ne beebuuzaganya nti, “Ono si ye
musajja oli eyatuulanga wali ng’asabiriza?”
9 Abamu ne bagamba nti, “Ye ye,” abalala ne bagamba nti, “Nedda,
anaamufaanana bufaananyi.” Kyokka ye n’abagamba nti, “Ye nze ddala.”
10 Bo kwe ku mubuuza nti, “Kale amaaso go gaazibuse gatya?”

11 N'abategeeza nti, "Omuntu ayitibwa Yesu, yatabula ettaka n'alinsiiga
ku maaso, n'andagira nti, 'Genda e Sirowamu onaabe.' Ne ŋŋenda ne
naaba, ne nsobola okulaba."
12 Ne bamubuuza nti, "Ali ludda wa?" N'addamu nti, "Simanyi."

*Abafalisaayo Bakemekkereza Eyawonyezebwa*

13 Awo ne batwala omusajja eyali omuzibe w'amaaso eri Abafalisaayo.
14 Olunaku olwo Yesu lwe yatabulirako ettaka n'azibula omusajja oyo
amaaso, lwali lwa Ssabbiiti.
15 Abafalisaayo nabo ne babuuza omuntu oyo engeri gye yazibuka
amaaso. Awo n'ababuulira ng'agamba nti, "Yesu yatabula ettaka
n'alinsiiga ku maaso, ne naaba, kaakano ndaba."
16 Abamu ku bo ne bagamba nti, "Omusajja oyo Yesu teyava wa Katonda
kubanga takwata Ssabbiiti." Kyokka abalala ne bagamba nti, "Omuntu
omwonoonyi ayinza atya okukola eby'amagero ebifaanana bwe bityo?"
Ne wabaawo okwawukana kunene mu bo.
17 Awo Abafalisaayo ne bakyukira omusajja eyali omuzibe w'amaaso ne
bamubuuza nti, "Omuntu oyo eyakuzibula amaaso olowooza wa ngeri ki?"
Omusajja n'addamu nti, "Ndowooza nnabbi."
18 Ne batakkiriza nti omusajja oyo yali muzibe, okutuusa lwe baayita
abazadde be,
19 ne bababuuza nti, "Ono mutabani wammwe? Era yazaalibwa nga
muzibe wa maaso? Kale obanga bwe kiri kaakano asobola atya okulaba?"
20 Bakadde be ne baddamu nti, "Tumanyi ng'oyo ye mutabani waffe era
nga yazaalibwa muzibe wa maaso.
21 Naye engeri gye yazibukamu amaaso tetugimanyi, era n'eyamuzibula
amaaso tetumumanyi. Wuuyo musajja mukulu mumwebuulize ajja
kweyogerera."
22 Ekyaboogeza batyo lwa kutya Bayudaaya. Kubanga Abayudaaya
baali bamaze okuteesa nti buli ayatula nti Yesu ye Kristo agobebwe mu
kuŋŋaaniro.
23 Ekyo kye kyaboogeza nti, "Wuuyo musajja mukulu mumwebuulize."
24 Awo ate ne bongera okuyita omusajja eyali omuzibe w'amaaso ne
bamugamba nti, "Gulumiza Katonda, kubanga tumanyi omusajja oyo
mwonoonyi."
25 Omusajja n'addamu nti, "Oba mwonoonyi oba si mwonoonyi simanyi,
wabula kye mmanyi kiri kimu nti nnali muzibe w'amaaso, naye kaakano
ndaba."
26 Kyebaava bamubuuza nti, "Kiki kye yakola? Amaaso yagazibula
atya?"
27 Omusajja n'addamu nti, "Nabategeezezza dda ne mutawuliriza.
Lwaki ate mwagala mbaddiremu? Nammwe mwagala kufuuka bayigi-
rizwa be?"
28 Ne bamuvuma ne bamugamba nti, "Ggwe oli muyigirizwa we. Naye
ffe tuli bayigirizwa ba Musa.
29 Ffe tumanyi nga Katonda yayogera ne Musa, naye oyo tetumanyi
gy'ava."
30 Ye n'addamu nti, "Kino kitalo, mmwe obutamanya gye yava ate nga
nze yanzibula amaaso.
31 Tumanyi nti Katonda tawulira balina bibi, naye awulira abo abamutya
era abakola by'ayagala.
32 Ensi kasookedde ebaawo tewalabikangawo yali azibudde maaso ga
muntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso.

33 Kale omuntu ono eyanzibula amaaso singa teyava wa Katonda ekyo teyandikisobodde.”

34 Awo ne bamuboggolera nga bagamba nti, “Ggwe eyazaalirwa mu bibi, ggw’oyigiriza ffe?” Ne bamusindika ebweru.

### *Obuzibe bw’Amaaso ag’Omwoyo*

35 Yesu n’ategeera nga bamusindise ebweru. Bwe yamusanga n’amugamba nti, “Ggwe okkiriza Omwana w’Omuntu?”

36 Omusajja n’amubuuza nti, “Ssebo, y’aluwa mmukkirize?”

37 Yesu n’amugamba nti, “Omulabye, ye wuuyo ayogera naawe.”

38 Omusajja n’agamba nti, “Mukama wange, nzikiriza!” N’amusinza.

39 Awo Yesu n’agamba nti, “Najja mu nsi okusala omusango, abatalaba balabe, ate naabo abalaba babe bazibe ba maaso.”

40 Abamu ku Bafalisaayo abaali bayimiridde awo bwe baawulira ebigambo ebyo ne bamubuuza nti, “Ky’ogamba nti naffe tuli bazibe ba maaso?”

41 Yesu n’abaddamu nti, “Singa mubadde bazibe ba maaso, temwandibadde na kibi. Naye kubanga mugamba nti tulaba, ekibi kyammwe kyekiva kibasigalako.”

## 10

### *Omusumba Omulungi*

1 “Ddala ddala mbagamba nti atayita mu mulyango ng’ayingira mu kisibo ky’endiga, naye n’alinnyira awalala, oyo aba mubbi era munyazi.

2 Naye ayingirira mu mulyango, ye musumba w’endiga.

3 Era oyo omuggazi amuggulirawo, n’endiga ziwulira eddoboozi lye, aziyita amannya gaazo n’azifulumya ebweru.

4 Azikulembera ne zimugoberera, kubanga zimanyi eddoboozi lye.

5 Omulala gwe zitamanyi, tezimugoberera, zimudduka buddusi kubanga tezimanyi ddoboozi lye.”

6 Yesu n’abagerera olugero olwo, kyokka bo, ebyo tebaabitegeera.

7 Awo Yesu kyeyava ayongera n’abagamba nti, “Ddala ddala mbagamba nti nze mulyango gw’endiga.

8 Abalala bonna abansooka baali babbi era banyazi, n’endiga tezaabawuliriza.

9 Nze mulyango; buli ayingirira mu Nze alirokoka. Aliyingira, n’afuluma n’aliisibwa mu ddundiro.

10 Omubbi ky’ajjirira kwe kubba n’okutta n’okuzikiriza. Nze najja, zibe n’obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu.

11 “Nze musumba omulungi. Omusumba omulungi awaayo obulamu bwe olw’endiga.

12 Omupakasi, atali musumba, endiga nga si zize, bw’alaba omusege nga gujja adduka n’aleka awo endiga, omusege ne guzirumba ne guzisaasaanya.

13 Akola atyo kubanga mupakasi, so n’endiga tazifaako.

14 “Nze ndi musumba mulungi, n’endiga zange nzimanyi era nazo zimmanyi.

15 Nga Kitange bw’ammanyi, era nga nange bwe mmumanyi, bwe ntyo bwe mpaayo obulamu bwange olw’endiga.

16 Nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino, nazo kiŋŋwanidde
okuzireeta, era nazo ziriwulira eddoboozi lyange, endiga zonna ne ziba
ekisibo kimu era ne ziba n'omusumba omu.
17 Kitange kyava anjagala, kubanga mpaayo obulamu bwange ndyoke
mbweddize.
18 Tewali n'omu abunzigyako, wabula mbuwaayo lwa kwagala kwange.
Nnina obuyinza okubuwaayo, era nnina obuyinza okubweddizza. Ekyo
Kitange ye yakindagira."
19 Yesu bwe yayogera bw'atyo, empaka mu Bayudaaya, ne zisituka buto.
20 Bangi ku bo ne bagamba nti, "Aliko dayimooni oba si kyo alaluse.
Lwaki mumuwuliriza?"
21 Abalala ne bagamba nti, "Ebigambo bino si bya muntu aliko
dayimooni. Dayimooni asobola okuzibula amaaso ga bamuzibe?"

### *Obutakkiriza bw'Abayudaaya*

22 Mu Yerusaalemi mwalimu embaga ey'Okutukuza, era bwali budde
bwa butiti.
23 Yesu yali mu Yeekaalu ng'atambula mu kifo ekiyitibwa Ekisasi kya
Sulemaani.
24 Awo Abayudaaya ne bamwetooloola ne bamugamba nti, "Olituusa ddi
okutubuusisabuusisa? Obanga ggwe Kristo kale tubuulirire ddala."
25 Yesu n'addamu nti, "Nababuulira dda naye temukkiriza. Ekikakasa
ebyo gy'emirimu gye nkola mu linnya lya Kitange.
26 Naye mmwe temunzikiriza kubanga temuli ba mu ndiga zange.
27 Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingober-
era.
28 Nziwa obulamu obutaggwaawo, era tezigenda kuzikirira. Tewali
n'omu ayinza kuzisikula mu mikono gyange,
29 kubanga Kitange yazimpa, era ye tewali amusinga maanyi, noolwekyo
tewali asobola kuzisikula kuva mu mukono gwa kitange.
30 Nze ne Kitange tuli omu."
31 Awo Abayudaaya ne bakwata amayinja okumukuba.
32 Yesu n'abagamba nti, "Mwalaba ebyamagero bingi Kitange bye
yankozesa, kiruwa ku ebyo kye musinziirako okunkuba amayinja?"
33 Ne bamuddamu nti, "Tetukuvunaana lwa birungi by'okola wabula lwa
kubanga ovvoola; ggwe oli muntu buntu naye weeyita Katonda."
34 Yesu n'abaddamu nti, "Tekyawandiikibwa mu mateeka gammwe nti,
Katonda yagamba nti, 'Muli bakatonda'?
35 Obanga abo abaweebwa ekigambo kya Katonda, yabayita bakatonda,
ate ng'Ebyawandiikibwa tebididiba,
36 ate Nze, Kitange gwe yatukuza n'antuma mu nsi, lwaki mugamba nti
avvoola kubanga ŋŋambye nti, Ndi Mwana wa Katonda?
37 Obanga sikola ebyo Kitange by'ayagala nkole, kale temunzikiriza;
38 naye obanga nkola by'ayagala, newaakubadde Nze temunzikiriza
waakiri mukkirize ebyo bye nkola mulyoke mutegeere nti Kitange ali mu
Nze, era nange ndi mu Kitange."
39 Awo ne bagezaako nate okumukwata, kyokka ne yeemulula.
40 N'addayo emitala wa Yoludaani mu kifo Yokaana gye yasooka
okubatiriza, n'abeera eyo.
41 Abantu bangi ne bajja gy'ali nga bagamba nti, "Yokaana teyakola
byamagero, naye buli kimu kye yayogera ku muntu ono kyali kya
mazima."

42 Bangi ne bamukkiririza eyo.

# 11

*Okufa kwa Laazaalo*

1 Awo olwatuuka omuntu ayitibwa Laazaalo eyali e Besaniya n'alwala.
Besaniya ky'ekibuga Maliyamu ne Maliza bannyina ba Laazaalo mwe
baali.
2 Maliyamu oyo ye yasiiga Mukama waffe amafuta ag'akaloosa ku bigere
n'abisiimuuza enviiri ze.
3 Awo Maliyamu ne Maliza ne batumira Yesu ne bamutegeeza nti,
"Mukama waffe, mukwano gwo gw'oyagala ennyo mulwadde nnyo."
4 Naye Yesu bwe yakitegeera n'agamba nti, "Ekigendereddwa mu bul-
wadde buno si kufa, wabula kulaga kitiibwa kya Katonda, era n'okuweesa
Omwana wa Katonda ekitiibwa."
5 Yesu yali mukwano gwa Maliyamu ne Maliza ne Laazaalo, naye bwe
yawulira nga Laazaalo alwadde n'ayongera n'asigala we yali
6 n'amalawo ennaku endala bbiri nga tanagenda gye bali.
7 Awo ennaku bbiri bwe zaayitawo n'agamba abayigirizwa be nti,
"Tuddeyo e Buyudaaya."
8 Kyokka abayigirizwa be, ne bamugamba nti, "Labbi, mu nnaku ntono
ezaakayita Abayudaaya baagezaako okukutta. Ate gy'odda?"
9 Yesu n'abaddamu nti, "Essaawa ez'emisana ziwera kkumi na bbiri, era
omuntu bw'atambula emisana teyeesittala kubanga aba alaba.
10 Wabula atambula ekiro ye yeesittala, kubanga omusana teguli mu ye."
11 Bwe yamala okwogera ebyo n'abagamba nti, "Mukwano gwaffe
Laazaalo yeebase, naye ŋŋenda kumuzuukusa."
12 Abayigirizwa ne bamugamba nti, "Mukama waffe oba yeebase
anaazuukuka."
13 Naye Yesu yayogera ku kufa kwa Laazaalo, kyokka bo abayigirizwa
be ne balowooza nti ayogera ku kwebaka tulo.
14 Awo n'alyoka abategeereza ddala nti, "Laazaalo afudde.
15 Naye ku lw'obulungi bwammwe, nsanyuse kubanga ssaaliyo, mulyoke
mukkirize; kale mujje tugende gy'ali."
16 Awo Tomasi eyayitibwanga Didumo* n'agamba banne nti, "Ka
tugende tufiire wamu naye."
17 Bwe baatuuka e Besaniya Yesu n'asanga nga Laazaalo yaakamala
ennaku nnya mu ntaana.
18 Besaniya kyali kumpi ne Yerusaalemi, kilomita nga ssatu.
19 Abayudaaya bangi baali bazze okukubagiza Maliza ne Maliyamu
olw'okufiirwa mwannyinaabwe.
20 Maliza bwe yawulira nti Yesu ajja, n'agenda okumusisinkana, kyokka
Maliyamu n'asigala mu nnyumba ng'atudde.
21 Awo Maliza n'agamba Yesu nti, "Mukama wange, singa wali wano
mwannyinaze teyandifudde.
22 Era kaakano mmanyi nti buli ky'onoosaba Katonda, ajja kukikuwa."
23 Yesu n'agamba Maliza nti, "Mwannyoko ajja kuzuukira."
24 Maliza n'amuddamu nti, "Mmanyi nti alizuukira ku lunaku
olw'enkomerero."

---

* **11:16** Didumo okutegeeza nti mulongo

25 Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu,
26 na buli muntu omulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Ekyo okikkiriza?"
27 Maliza n'amugamba nti, "Mukama wange nzikiriza nti ggwe Kristo Omwana wa Katonda, ajja mu nsi."
28 Awo Maliza bwe yamala okwogera ebyo, n'ava eri Yesu n'agenda eri Maliyamu n'amuzza ku bbali mu kyama ng'agamba nti, "Omuyigiriza azze, akuyita."
29 Maliyamu olwawulira ekyo n'asitukiramu n'agenda eri Yesu.
30 Yesu yali akyali mu kifo Maliza we yamusisinkana nga tannatuuka mu kibuga.
31 Abayudaaya abaali bazze okukubagiza abaali mu nnyumba ne Maliyamu bwe baamulaba ng'ayimiridde mangu ng'afuluma ne bamugoberera ne balowooza nti agenda ku ntaana akaabire eyo.
32 Maliyamu bwe yatuuka awali Yesu n'afukamira ku bigere bye, nga bw'agamba nti, "Mukama wange, singa wali wano mwannyinaze teyandifudde."
33 Yesu bwe yamulaba ng'akaaba era n'Abayudaaya abaali naye nga bakaaba n'anyolwa mu mutima, n'ajjula obuyinike.
34 N'abuuza nti, "Mwamuteeka wa?"
Ne bamugamba nti, "Mukama waffe jjangu olabeyo."
35 Yesu n'akaaba amaziga.
36 Awo Abayudaaya ne bagamba nti, "Ng'abadde amwagala nnyo!"
37 Naye abamu ku bo ne bagamba nti, "Ono eyazibula amaaso ga muzibe, lwaki teyaziyiza musajja ono kufa?"

### *Yesu Azuukiza Laazaalo*

38 Awo Yesu ne yeeyongera okujjula obuyinike. N'atuuka ku ntaana. Yali mpuku ng'eggaliddwawo n'ejjinja.
39 Yesu n'agamba nti, "Muggyeewo ejjinja."
Naye Maliza, mwannyina w'omufu, n'amugamba nti, "Kaakano awunya nnyo, kubanga yaakamala ennaku nnya mu ntaana."
40 Yesu n'amuddamu nti, "Saakugambye nti bw'onokkiriza onoolaba ekitiibwa kya Katonda?"
41 Ne baggyawo ejjinja. Awo Yesu n'atunula waggulu n'agamba nti, "Kitange nkwebaza olw'okumpulira.
42 Mmanyi nti bulijjo ompulira, naye kino nkyogedde olw'abantu bano abayimiridde wano, balyoke bakkirize nti ggwe wantuma."
43 Bwe yamala okwogera bw'atyo, n'akoowoola mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Laazaalo fuluma."
44 Awo Laazaalo n'ava mu ntaana, ng'amagulu ge n'emikono bizingiddwa mu ngoye eziziikibwamu abafu, nga n'ekiremba kisibiddwa ku maaso ge.
Yesu n'abagamba nti, "Mumusumulule atambule."
45 Bangi ku Bayudaaya abajja ne Maliyamu bwe baalaba Yesu ky'akoze ne bamukkiriza.
46 Naye abalala ne bagenda eri Abafalisaayo ne babategeeza Yesu kye yakola.
47 Awo bakabona abakulu n'Abafalisaayo ne batuuza olukiiko ne bagamba nti, "Tukole ki? Kubanga omuntu ono akola ebyamagero bingi.

48 Bwe tumuleka bw'atyo, abantu bonna bajja kumukkiriza bamugoberere, n'ekirivaamu Abaruumi bagenda kujja bazikirize ekifo ekitukuvu n'eggwanga lyaffe."
49 Awo omu ku bo, Kayaafa eyali Kabona Asinga Obukulu mu mwaka ogwo, n'abagamba nti, "Mmwe temuliiko kye mumanyi.
50 Temulaba nti kirungi omuntu omu afe, eggwanga lyonna lireme kuzikirira?"
51 Ekyo Kayaafa teyakyogera ku bubwe, wabula ye nga Kabona Asinga Obukulu, yayogera eby'obunnabbi nti Yesu yali anaatera okufiirira eggwanga,
52 ate si ggwanga lyokka naye n'okukuŋŋaanya abaana ba Katonda abaasaasaana.
53 Okuva ku lunaku olwo abakulembeze b'Abayudaaya ne basala amagezi okutta Yesu.
54 Noolwekyo, Yesu n'alekayo okutambula mu Buyudaaya mu lwatu, wabula n'avaayo n'alaga mu kifo ekiriraanye eddungu, mu kibuga ekiyitibwa Efulayimu, n'abeera eyo n'abayigirizwa be.
55 Embaga y'Abayudaaya ejjuukirirwako Okuyitako yali eneetera okutuuka, abantu bangi ne bava mu byalo ne bambuka e Yerusaalemi okukola omukolo ogw'okwetukuza ng'embaga tennatuuka.
56 Bwe baali bakuŋŋaanidde mu Yeekaalu, ne banoonya Yesu, ne beebuuzaganya nti, "Mulowooza mutya? Yesu tajje ku mbaga?"
57 Bakabona abakulu n'Abafalisaayo baali balagidde nti, Omuntu yenna bw'amanya Yesu wali abategeeze, balyoke bamukwate.

# 12

*Yesu Asiigibwa Amafuta ag'Akaloosa e Besaniya*

1 Bwe waali wakyabulayo ennaku mukaaga emikolo gy'Embaga ejjuukirirwako Okuyitako gitandike, Yesu n'ajja e Besaniya ewa Laazaalo gwe yazuukiza.
2 Ne bamufumbira ekyeggulo, Maliza n'aweereza, Laazaalo nga ye omu ku baali batudde ne Yesu okulya.
3 Awo Maliyamu n'addira eccupa erimu amafuta amalungi ag'akaloosa ag'omugavu, ag'omuwendo omungi, n'agafuka ku bigere bya Yesu n'abisiimuuza enviiri ze. Ennyumba yonna n'ejjula akaloosa k'amafuta ago.
4 Naye Yuda Isukalyoti, omu ku bayigirizwa ba Yesu, eyali ow'okumulyamu olukwe, n'agamba nti,
5 "Lwaki amafuta ago tegatundiddwamu eddinaali ebikumi bisatu ne zigabirwa abaavu?"
6 Yayogera bw'atyo si lwa kuba nti yali alumirwa nnyo abaavu, wabula Lwa kubanga yali mubbi. Yatwalanga ensimbi ezaaterekebwanga mu nsawo y'ensimbi.
7 Yesu n'alyoka abagamba nti, "Omukazi mumuleke, akoze ekyo lwa kunteekerateekera kuziikibwa kwange.
8 Abaavu muli nabo bulijjo, naye Nze sijja kuba nammwe bulijjo."

*Olukwe olw'Okutta Laazaalo*

9 Awo ekibiina kinene eky'Abayudaaya bwe bategeera nti Yesu ali Besaniya, ne bajja, si Lwa Yesu yekka, naye n'okulaba Laazaalo, Yesu gwe yazuukiza.

10 Awo bakabona abakulu ne basala amagezi okutta Laazaalo,
11 kubanga yaleetera Abayudaaya bangi okuva ku bakulembeze baabwe
ne bakkiriza Yesu.

### *Yesu Ayingira mu Yerusaalemi n'Ekitiibwa*

12 Ku lunaku olwaddirira, abantu bangi abaali bazze ku mbaga
ey'Okuyitako bwe baawulira nti Yesu ajja e Yerusaalemi,
13 ne bakwata amatabi g'enkindu ne bagenda okumusisinkana nga
baleekaana nti,
"Ozaana."

"Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama."

"Ye Kabaka wa Isirayiri."
14 Awo Yesu bwe yalaba endogoyi ento n'agyebagala. Ekyawandiikibwa
ne kiryoka kituukirira ekigamba nti,
15 "Ggwe muwala wa Sayuuni totya;
laba Kabaka wo ajja,
nga yeebagadde omwana gw'endogoyi."
16 Ebyo abayigirizwa tebaabitegeererawo, naye Yesu bwe yamala okugu-
lumizibwa, ne balyoka bajjukira ebintu ebyo ebyali bimuwandiikiddwako,
ne bye baamukola.
17 Abo abaali mu kibiina, abaalaba Yesu ng'azuukiza Laazaalo ne
baategeeza ebyaliwo ne bwe yazuukiza Laazaalo.
18 Abantu abangi bwe batyo kyebaava bagenda okusisinkana Yesu,
kubanga baali bawulidde ekyamagero ekyo kye yakola.
19 Awo Abafalisaayo ne bagambagana nti: "Mulabye bwe tutalina kye
tufunyeemu! Laba ensi yonna emugoberedde."

### *Abayonaani Baagala Okulaba Yesu*

20 Naye waaliwo Abayonaani abamu abaali bazze okusinza ku mbaga
ey'Okuyitako
21 ne bajja eri Firipo eyava e Besusayida eky'omu Ggaliraaya, ne
bamugamba nti, "Ssebo, twagala kulaba Yesu."
22 Firipo n'ategeeza Andereya, ne bagenda bombi okutegeeza Yesu.
23 Yesu n'abaddamu nti, "Ekiseera kituuse Omwana w'Omuntu agulu-
mizibwe.
24 Ddala ddala mbagamba nti empeke y'eŋŋaano bw'egwa mu ttaka efa,
bwe tefa ebeera yokka, naye bw'efa ebala ebibala bingi.
25 Buli eyeemalira ku bulamu bwe alibufiirwa, naye oyo akyawa
obulamu bwe mu nsi eno, alibusigaza mu bulamu obutaggwaawo.
26 Oyo ampeereza, angoberere. Nze w'endi n'omuweereza wange
w'anaabeeranga era Kitange alimuwa ekitiibwa oyo ampeereza."

### *Yesu Ayogera ku Kufa kwe*

27 "Kaakano omutima gwange gweraliikiridde. Kale ŋŋambe ntya?
Nsabe nti Kitange mponya ekiseera kino? Naye ate ekyandeeta kwe kuyita
mu kiseera kino.
28 Kitange gulumiza erinnya lyo."
Awo eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ndigulumizizza era
ndyongera okuligulumiza."

29 Ekibiina ky'abantu abaali bayimiridde awo bwe baawulira ne
bagamba nti, "Laddu y'ebwatuse!" Abalala ne bagamba nti, "Malayika
y'ayogedde naye."
30 Yesu n'abagamba nti, "Eddoboozi lino lizze ku lwammwe, so si ku
lwange.
31 Ekiseera ky'ensi okusalirwa omusango kituuse, era omufuzi w'ensi
eno anaagoberwa ebweru.
32 Bwe ndiwanikibwa okuva mu nsi, ndiwalulira bonna gye ndi."
33 Ekyo yakyogera ng'ategeeza enfa gye yali anaatera okufaamu.
34 Awo abantu mu kibiina ekyo ne bamugamba nti, "Ffe tumanyi okuva
mu mateeka nti Kristo aba mulamu emirembe gyonna. Naye ggwe lwaki
ogamba nti Omwana w'Omuntu kimugwanira okufa? Mwana wa Muntu
ki oyo gw'oyogerako?"
35 Yesu n'abaddamu nti, "Omusana gujja kwongera okubaakira okumala
akaseera. Kale mugutambuliremu mugende gye mwagala ng'ekizikiza
tekinnatuuka. Atambulira mu kizikiza tamanya gy'alaga.
36 Kale Omusana nga bwe gukyayaka mugutambuliremu mulyoke
mufuuke abaana b'omusana." Yesu bwe yamala okwogera ebyo n'agenda
n'abeekweka.
37 Kyokka newaakubadde Yesu yakola ebyamagero bingi, tebaamukki-
riza.
38 Ekigambo kya nnabbi Isaaya kituukirire ekigamba nti,
"Mukama ani akkiriza bye tugamba?
Ani abikkuliddwa omukono gwa Mukama?"
39 Kyebaava batakkiriza kubanga nnabbi Isaaya yayongera n'agamba
nti,
40 "Katonda yabaziba amaaso,
era n'abakakanyaza emitima,
amaaso gaabwe galeme okulaba,
era n'emitima gyabwe gireme okutegeera,
era gireme okukyuka, mbawonye."
41 Ebyo nnabbi Isaaya yabyogera kubanga yalaba ekitiibwa kye, era
n'amwogerako.
42 Era waaliwo bangi ne mu bakulembeze b'Abayudaaya abaamukkiriza.
Naye olw'okutya Abafalisaayo, tebaamwatula, baleme kugobebwa mu
kkuŋŋaaniro.
43 Kubanga baayagala ekitiibwa ekibaweebwa abantu okusinga ekiti-
ibwa kya Katonda.
44 Awo Yesu n'asitula ku ddoboozi n'agamba nti, "Buli anzikiriza aba
takkiriza Nze nzekka, wabula aba akkirizza n'oyo eyantuma.
45 N'oyo alaba Nze aba alabye oli eyantuma.
46 Nze omusana nzize mu nsi buli anzikiriza aleme okusigala mu
kizikiza.
47 "Awulira ebigambo byange n'atabifaako, Nze simusalira musango,
kubanga Nze najja kulokola nsi so si kugisalira musango.
48 Kyokka buli agaana Nze era n'agaana n'ebigambo byange, alina
amusalira omusango. Alisalirwa omusango ku lunaku olw'enkomerero
okusinziira ku bigambo bye namutegeeza.
49 Kubanga Nze bye njogera si byange, ku bwange, naye mbategeezezza
ebya Kitange bye yandagira okubategeeza.
50 Era mmanyi nti by'alagira bwe bulamu obutaggwaawo. Noolwekyo
ky'aŋŋamba kye mbategeeza."

# 13

*Yesu Anaaza Abayigirizwa be Ebigere*

1 Ku lunaku olukulembera Embaga ey'Okuyitako, Yesu yamanya
ng'ekiseera kye kituuse ave mu nsi muno agende eri Kitaawe. Yesu
bwe yayagala ababe mu nsi, yabalagira ddala okwagala kwe kwonna
okutuusiza ddala ku kiseera ekisembayo.
2 Bwe baali balya ekyekiro, Setaani yali yamaze dda okuteeka mu mu-
tima gwa Yuda Isukalyoti, omwana wa Simooni, ekirowoozo eky'okulya
mu Yesu olukwe.
3 Yesu bwe yamanya nti Kitaawe yateeka byonna mu mikono gye, era
nga yava wa Katonda ate gy'adda,
4 n'asituka ku mmere, ne yeggyako omunagiro gwe, ne yeesiba ettawulo
mu kiwato,
5 n'ateeka amazzi mu bensani, n'atandika okunaaza abayigirizwa be
ebigere nga bw'abasiimuuza ettawulo gye yali yeesibye.
6 Bwe yatuuka ku Simooni Peetero, Peetero n'amugamba nti, "Mukama
wange, ggwe onnaaze ebigere?"
7 Yesu n'amuddamu nti, "Ensonga enkozesa kino togimanyi kaakano,
wabula ekiseera kirituuka n'ogitegeera."
8 Peetero n'amuddamu nti, "Nedda, tolinnaaza bigere emirembe gy-
onna." Yesu n'amugamba nti, "Bwe siikunaaze bigere, nga tossa kimu
nange."
9 Simooni Peetero n'amugamba nti, "Mukama wange, tonnaaza bigere
byokka, naye nnaaza n'emikono n'omutwe."
10 Yesu n'amuddamu nti, "Anaabye omubiri, aba teyeetaaga kunaaba
okuggyako ebigere byokka, alyoke abe omulongoofu. Kaakano muli
balongoofu, naye si mwenna."
11 Kubanga Yesu yamanya anaamulyamu olukwe. Kyeyava agamba nti,
"Si mwenna abalongoofu."
12 Yesu bwe yamala okubanaaza ebigere n'ayambala omunagiro gwe,
n'addayo n'atuula, n'abagamba nti, "Kye mbakoze mukitegedde?
13 Mmwe mumpita Muyigiriza era Mukama wammwe, mukola bulungi
okumpita bwe mutyo kubanga ddala bwe ntyo bwe ndi.
14 Kale Nze Mukama wammwe era Omuyigiriza, nga bwe mbanaazizza
ebigere, nammwe musaana okunaazagananga ebigere.
15 Mbalaze ekyokulabirako, mukolenga nga Nze bwe mbakoze.
16 Ddala ddala mbagamba nti, Omuddu tasinga mukama we. Era n'oyo
atumibwa tasinga oli amutumye.
17 Bwe mumanya ebintu bino muba n'omukisa bwe mubikola.
18 Ebintu bino byonna sibyogera nammwe mwenna, buli omu ku mmwe
be nalonda mmumanyi; ekyawandiikibwa kituukirire ekigamba nti, 'Oyo
bwe tulya emmere anneefuukidde!'
19 Kino nkibategeeza okuva kaakano, nga tekinnabaawo, bwe ki-
naabaawo mulyoke munzikirize.
20 Ddala ddala mbagamba nti buli asembeza gwe ntuma,
ng'asembezezza Nze, era asembeza Nze ng'asembezezza oyo eyantuma."
21 Yesu bwe yamala okwogera ebyo n'alumwa nnyo mu mwoyo,
n'agamba nti, "Ddala ddala mbagamba, omu ku mmwe anandyamu
olukwe."
22 Abayigirizwa ne batunulaganako, nga tebamanyidde ddala
gw'ayogerako.

23 Omu ku bayigirizwa, Yesu gwe yayagalanga, yali agalamidde okumpi n'ekifuba kya Yesu,
24 Simooni Peetero n'amutemyako ng'amugamba nti, "Mutubuulize gw'ayogerako."
25 Kale bwe yaddayo okugalamira ng'aliraanye ekifuba kya Yesu, n'amubuuza nti, "Mukama waffe, gw'oyogerako ye ani?"
26 Yesu n'addamu nti, "Gwe nnaakoleza ekitole ne nkimuwa nga ye wuuyo." Awo n'akwata ekitole, n'akikoza n'akiwa Yuda Isukalyoti omwana wa Simooni.
27 Yuda bwe yamala okuweebwa ekitole ekyo, Setaani n'amuyingiramu.
Awo Yesu n'amugamba nti, "Ky'okola kikole mangu!"
28 Ku baali balya tewaali n'omu eyategeera kyeyava amugamba bw'atyo.
29 Abamu baalowooza nti nga Yuda bwe yali atereka ensimbi, Yesu amugambye agende agule bye beetaaga ku mbaga, oba nti abeeko by'agabira abaavu.
30 Yuda olwafuna ekitole, amangwago n'afuluma ebweru; obudde bwali kiro.
31 Yuda olwafuluma, Yesu n'agamba nti, "Kaakano Omwana w'Omuntu agulumizibbwa ne Katonda agulumizibbwa mu ye.
32 Era obanga Katonda agulumizibbwa mu ye, Katonda yeegulumiza ye yennyini, era amangwago ajja kumugulumiza.
33 "Baana bange, akaseera katono ke nkyali nammwe. Mulinnoonya era nga bwe nagamba Abayudaaya nti, 'Gye ŋŋenda mmwe temuyinza kujjayo,' era nammwe bwe mbagamba kaakano.
34 "Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala.
35 Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange."
36 Awo Simooni Peetero n'amubuuza nti, "Mukama waffe olaga wa?"
Yesu n'amuddamu nti, "Tosobola kugenda nange kaakano, wabula olingoberera oluvannyuma."
37 Peetero n'amubuuza nti, "Mukama wange, lwaki siyinza kukugoberera kaakano? Nnaawaayo obulamu bwange ku lulwo."
38 Yesu n'amuddamu nti, "Onoowaayo obulamu bwo ku lwange? Ddala ddala nkugamba nti, Enkoko eneeba tennakookolima, ononneegaana emirundi esatu."

# 14

*Yesu Agumya Abayigirizwa be*

1 "Omutima gwammwe tegweraliikiriranga. Mukkiriza Katonda, era nange munzikirize.
2 Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebisenge bingi, era ŋŋenda okubateekerateekera ekifo. Singa tekiri bwe kityo nandibagambye.
3 Bwe ndimala okubateekerateekera ekifo ndikomawo, ne mbatwala gye ndi, Nze gye ndi nammwe gye muba mubeera.
4 Era gye ŋŋenda ekkubo mulimanyi."

*Yesu ly'Ekkubo Erituusa Abantu eri Kitaawe*

5 Tomasi n'amugamba nti, "Mukama waffe, tetumanyi gy'olaga, kale tuyinza tutya okumanya ekkubo?"
6 Yesu n'addamu nti, "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu. Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula ng'ayita mu Nze.

7 Singa muntegedde ne Kitange mwandimutegedde. Era okuva kaakano
mumulabye era mumutegedde."
8 Firipo n'amugamba nti, "Mukama waffe, tulage Kitaffe, kinaatumala."
9 Yesu n'amugamba nti, "Firipo, kasookedde mbeera nammwe ebbanga
lino lyonna era tontegeeranga? Buli alaba Nze aba alabye Kitange! Kale
lwaki ate oyogera nti, 'Tulage Kitaffe?'
10 Tokkiriza nga Nze ndi mu Kitange era ne Kitange ali mu Nze?
Ebigambo bye mbategeeza si byange ku bwange, wabula biva eri Kitange
abeera mu Nze, era akola emirimu ng'ayita mu Nze.
11 Kale munzikirize nti ndi mu Kitange era nga ne Kitange ali mu Nze.
Oba si ekyo munzikirize olw'emirimu gyokka.
12 "Ddala ddala mbagamba nti buli anzikiriza alikola emirimu egyo gye
nkola, era alikola egisinga egyo, kubanga Nze ŋŋenda eri Kitange.
13 Era buli kye munaasabanga mu linnya Lyange nnaakibakoleranga,
Kitange alyoke agulumizibwe mu Mwana.
14 Bwe munaasabanga ekintu kyonna mu linnya lyange nnaakikolanga."

*Okusuubizibwa Mwoyo Mutukuvu*

15 "Kale obanga munjagala mugonderenga ebiragiro byange,
16 nange ndisaba Kitange n'abawa Omubeezi omulala anaabeeranga
nammwe emirembe n'emirembe,
17 Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era
temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era
anaabeeranga mu mmwe.
18 Siribaleka nga bamulekwa, ndikomawo gye muli.
19 Mu bbanga ttono, ensi eneeba tekyandaba, naye mmwe nga mundaba.
Kubanga Nze ndi mulamu, era nammwe muliba balamu.
20 Ku lunaku olwo mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, era nga muli
mu Nze, nga nange ndi mu mmwe.
21 Buli anjagala anaagonderanga ebiragiro byange; era kubanga an-
jagala, ne Kitange anaamwagalanga. Era nange nnaamwagalanga, era
nnaamulabikiranga."
22 Yuda, atali Isukalyoti n'amugamba nti, "Mukama waffe, lwaki oyagala
okweraga eri ffe so si eri ensi?"
23 Yesu n'amuddamu nti, "Omuntu yenna anjagala anaagonderanga
ekigambo kyange, ne Kitange anaamwagalanga, era Nze ne Kitange
tunajjanga ne tubeera mu ye era tunaatuulanga mu ye.
24 Oyo atanjagala tagondera bigambo byange. Ate ebigambo bye njogera
si byange ku bwange wabula bya Kitange eyantuma.
25 Ebyo mbibabuulidde nga nkyali nammwe.
26 Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya
lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye
nabagamba.
27 Mbalekera emirembe, era mbawa emirembe gyange. Emirembe gye
mbawa tegiringa egy'ensi. Noolwekyo temutyanga era temweraliikiri-
ranga.
28 "Mujjukire kye n'abagamba nti ŋŋenda era ndikomawo gye muli.
Singa ddala mubadde munjagala mwandisanyuse kubanga ŋŋenda eri
Kitange, kubanga Kitange y'ansinga ekitiibwa.
29 Kaakano mbabuulidde ebintu bino nga tebinnabaawo, bwe biri-
tuukirira mulyoke munzikirize.

30 Sikyayogera bintu bingi nammwe, kubanga omufuzi omubi ow'ensi
eno ajja. Naye Nze tanninaako buyinza.
31 Kyokka ensi eryoke emanye nti njagala Kitange, nzija kukola Kitange
ky'andagidde.
"Musituke tuve wano."

# 15

*Yesu gwe Muzabbibu Gwennyini*

1 "Nze muzabbibu ogw'amazima, ate Kitange ye mulimi.
2 Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala
ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala.
3 Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye;
4 mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza
kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe
temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze.
5 "Nze muzabbibu, mmwe matabi. Buli abeera mu Nze nange ne mbeera
mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali Nze temuliiko kye
muyinza kukola.
6 Omuntu bw'atabeera mu nze asuulibwa ebweru ng'ettabi erikaze.
Amatabi ng'ago bagakuŋŋaanya ne bagasuula ku muliro ne gaggya.
7 Naye bwe munywerera mu Nze ne munyweza ebigambo byange, buli
kye munaasabanga kinaabakolerwanga.
8 Bwe mubala ebibala ebingi, muba bayigirizwa bange, ne Kitange,
agulumizibwa.
9 "Mbaagadde nga Kitange bw'anjagala. Noolwekyo munywererenga
mu kwagala kwange.
10 Bwe munaagonderanga ebiragiro byange olwo munaabanga muny-
weredde mu kwagala kwange, nga nange bwe ŋŋondera ebiragiro bya
Kitange ne mbeera mu kwagala kwe.
11 Mbategeezezza ebyo mulyoke mujjule essanyu lyange. Era essanyu
lyammwe liryoke lituukirire.
12 Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga nga Nze bwe mbaagala.
13 Tewali kwagala kusinga okw'omuntu awaayo obulamu bwe olwa
mikwano gye.
14 Muba mikwano gyange bwe mukola bye mbalagira.
15 Olwo nga sikyabayita baddu, kubanga omuddu tamanya bifa ku
mukama we. Kaakano mmwe muli mikwano gyange, kubanga mbat-
egeezezza byonna Kitange bye yaŋŋamba.
16 Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale
ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange
mu linnya lyange anaakibawanga.
17 Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga.
18 "Ensi bw'ebakyawanga mumanye nti yasooka kukyawa nze.
19 Singa mubadde ba nsi, yandibaagadde, naye temuli ba nsi, kubanga
nabalonda muve mu nsi, kyeva ebakyawa.
20 Mujjukire kye nabagamba nti, 'Omuddu tasinga mukama we.' Kale
obanga Nze banjigganya era nammwe bagenda kubayigganyanga. Era
obanga baagondera ebigambo byange n'ebyammwe balibigondera.
21 Ebyo byonna balibibakola ku lw'erinnya lyange, kubanga eyantuma
tebamumanyi.

22 Singa sajja ne njogera nabo tebandibadde na musango. Naye kaakano
tebalina kya kwewolereza olw'ekibi kyabwe.
23 Buli ankyawa aba akyawa ne Kitange.
24 Singa saakola mirimu egitaakolebwa muntu yenna mu bo tebandibad-
deko musango. Naye kaakano balabye emirimu egyo, n'okutukyawa ne
batukyawa, Nze ne Kitange.
25 Ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira ekigamba nti, 'Bankyayira
bwereere.'
26 "Kyokka mmwe ndibatumira Omubeezi okuva eri Kitange, Omwoyo
ow'amazima ava eri Kitange era alibategeeza buli ekinfaako.
27 Era nammwe mulinjulira, kubanga mubadde nange okuva ku lubere-
berye."

# 16

1 "Ebyo mbibategeezezza muleme kwesittala.
2 Banaabagobanga mu makuŋŋaaniro, era ekiseera kijja buli anaabat-
tanga n'alowooza nti aweereza Katonda.
3 Ebyo balibibakola kubanga Kitange tebaamumanya, era nange tebam-
manyi.
4 Kale bino mbibabuulidde nga tebinnabaawo, ekiseera bwe kirituuka ne
bibaawo mulyoke mujjukire nti nabagamba. Ebyo saabibategeerezaawo
ku lubereberye kubanga nnali nkyali nammwe.
5 Kaakano ŋŋenda eri eyantuma. Naye tewali n'omu ku mmwe
ambuuza nti, 'Ogenda wa?'
6 Naye kubanga mbategeezezza ebyo emitima gyammwe gijjudde en-
naku.
7 Naye mbategeereza ddala nti ekisinga obulungi gye muli Nze kwe
kugenda. Kubanga bwe sigenda Omubeezi tagenda kujja, kyokka bwe
ŋŋenda, ndimutuma gye muli.
8 Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu
n'olw'omusango,
9 kubanga tebanzikkiriza,
10 olw'obutuukirivu kubanga ŋŋenda eri Kitange era temukyandaba,
11 n'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango.
12 "Nkyalina bingi eby'okubategeeza naye kaakano temusobola ku-
bitegeera.
13 Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima
gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo
by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo.
14 Oyo agenda kungulumiza, kubanga agenda kubategeeza bye nnaa-
mubuuliranga.
15 Byonna Kitange by'alina byange, kyenvudde ŋŋamba nti Mwoyo
Mutukuvu anaabategeezanga bye nnaamubuuliranga.
16 Mu bbanga ttono munaaba temukyandaba, ate wanaayitawo ebbanga
ttono ne mundaba!"
17 Abamu ku bayigirizwa be ne beebuzaganya nti, "Kiki ekyo ky'agamba
nti, 'Mu bbanga ttono temuliddayo kundaba, ate mu bbanga ttono
munandaba,' era nti, 'Kubanga ŋŋenda eri Kitange?' "
18 Ne beeyongera okwebuuza nti, "Kiki ekyo ky'agamba nti, 'Ebbanga
ttono?' Tetutegeera ky'agamba."

19 Yesu bwe yamanya nga baagala okumubuuza n'abagamba nti, "Mwebuuzaganya ku kye ŋŋambye nti mu bbanga ttono munaaba temukyandaba ate wanaayitawo ebbanga ttono ne mundaba?
20 Ddala ddala mbagamba nti mmwe mulikaaba, mulikuba ebiwoobe, naye ensi yo erisanyuka. Mmwe mulinakuwala naye okunakuwala kwammwe kulifuuka essanyu eritagambika bwe mulindabako nate.
21 Omukazi ng'azaala aba mu bulumi buyitirivu, kubanga ekiseera kye kituuse. Naye omwana bw'amala okuzaalibwa olwo omukazi aba takyajjukira bulumi buli olw'essanyu ery'okuzaala omuntu mu nsi.
22 Kale nammwe kaakano munakuwadde, naye ndiddamu okubalaba ne musanyuka, era essanyu lyammwe tewali n'omu aliribaggyako.
23 Mu kiseera ekyo nga temukyansaba kintu na kimu, mmwe bennyini munaasabanga Kitange mu linnya lyange.
24 Kino mubadde temukikola, naye kaakano mukitandike. Musabe mu linnya lyange, mujja kuweebwa ekyo kye musaba, essanyu lyammwe liryoke lituukirire.
25 Ebyo mbibabuulidde mu ngero. Naye ekiseera kijja kutuuka nneme kwogera nammwe mu ngero, wabula mbabuulire lwatu ebifa ku Kitange.
26 Mu kiseera ekyo mulisaba mu linnya lyange, so si Nze okubasabira eri Kitange.
27 Kitange abaagala nnyo kubanga nammwe munjagala nnyo era mukkiriza nti nava eri Katonda.
28 Nava eri Kitange ne nzija mu nsi era nzija kuva mu nsi nzireyo eri Kitange."
29 Awo abayigirizwa be ne bamugamba nti, "Kaakano oyogera lwatu, so si mu ngero.
30 Kaakano tutegedde ng'omanyi byonna, era nga tewali kyetaagisa kukubuuza. Kyetuva tukkiriza nga wava eri Katonda."
31 Yesu n'abaddamu nti, "Kaakano mukkirizza?
32 Laba, ekiseera kijja, era kituuse mwenna lwe munaasaasaana buli omu n'addayo ku bibye, ne mundeka nzekka. Kyokka sijja kuba nzekka, kubanga Kitange ali wamu nange.
33 "Mbategeezezza ebyo byonna mulyoke mube n'emirembe mu nze. Mu nsi muno mujja kubonaabona, naye mugume, kubanga Nze mpangudde ensi."

# 17

*Yesu Yeesabira*

1 Yesu bwe yamala okwogera ebyo n'ayimusa amaaso ge n'atunula eri eggulu, n'ayogera nti,
"Kitange ekiseera kituuse. Gulumiza Omwana wo, n'omwana alyoke akugulumize,
2 nga bwe wamuwa obuyinza ku balina omubiri bonna, bonna be wamuwa alyoke abawe obulamu obutaggwaawo.
3 Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo.
4 Nkugulumizizza ku nsi, omulimu gwe wantuma okukola, ngumalirizza.
5 Kale kaakano, Kitange, ngulumiza wamu naawe mu kitiibwa ekyo kye nnali nakyo ng'ensi tennabeerawo."

*Yesu Asabira Abayigirizwa be*

6 “Njolesezza erinnya lyo eri abantu be wampa okuva mu nsi. Baali
ba nsi naye n’obampa. Baali babo n’obampa era bakkirizza ekigambo
kyo.
7 Bategedde nga buli kye nnina kiva gy’oli,
8 kubanga buli kye wandagira nkibayigirizza ne bakitegeera era
bategeeredde ddala nga nava gy’oli, era ne bakkiriza nga ggwe wantuma.
9 Mbasabira. Sisabira nsi, naye nsabira abo be wampa kubanga babo.
10 Ng’ebintu byonna bwe biri ebyange ate era nga bibyo, era ne bibyo
nga byange, bampeesa ekitiibwa.
11 Nze sikyali mu nsi, naye bo bali mu nsi, ate nga nzija gy’oli. Kitange
Omutukuvu, be wampa bakuume mu linnya lyo, balyoke babeere bumu
nga ffe bwe tuli obumu.
12 Bwe mbadde nabo, abo be wampa mbakuumye mu linnya lyo, ne
watabaawo azikirira, okuggyako omwana ow’okubula, ekyawandiikibwa
kiryoke kituukirire.”
13 “Nange kaakano nzija gy’oli, era mbabuulidde ebintu bino nabo
babe n’essanyu lyange nga lituukiridde mu bo.
14 Mbawadde ekigambo kyo, ensi n’ebakyawa kubanga si ba nsi nga
Nze bwe siri wa nsi.
15 Sikusaba kubaggya mu nsi, naye nkusaba obakuume eri omubi.
16 Si ba nsi nga nange bwe siri wa nsi.
17 Obatukuze mu mazima; ekigambo kyo ge mazima.
18 Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe ntyo mbatuma mu nsi.
19 Era neetukuza ku lwabwe nabo balyoke batukuzibwe mu mazima.”

*Yesu Asabira Abakkiriza Bonna*

20 “Sisabira bano bokka naye nsabira n’abo abanzikiriza
olw’ekigambo kyabwe,
21 bonna babeere bumu, nga ggwe Kitange bw’oli mu Nze, nange nga
ndi mu ggwe, nabo babeerenga mu ffe, ensi eryoke ekkirize nga ggwe
wantuma.
22 Mbawadde ekitiibwa kye wampa, balyoke babeere bumu nga ffe
bwe tuli obumu.
23 Nze nga ndi mu bo, era naawe ng’oli mu Nze balyoke bafuukire
ddala omuntu omu. Ensi eryoke etegeere nga ggwe wantuma era nti
obaagala nga bw’onjagala.”
24 “Kitange, bano be wampa njagala mbeere nabo we ndi balyoke
bategeere ekitiibwa kyange kye wampa kubanga wanjagala, ng’ensi
tennatondebwa.
25 “Ayi Kitange Omutukuvu, ensi teyakumanya, kyokka Nze nkumanyi
era n’abayigirizwa bano bamanyi nga ggwe wantuma.
26 Era mbayigirizza ne bamanya erinnya lyo, era nzija kwongera
okubamanyisa okwagala kwo kw’onjagala, kulyoke kubeerenga mu bo,
era nange mbeere mu bo.”

## 18

*Yesu Akwatibwa*

1 Awo Yesu bwe yamala okwogera ebyo n’afuluma n’abayigirizwa be,
ne balaga emitala w’akagga Kidulooni. Mu kifo ekyo mwalimu ennimiro
y’emizeeyituuni, Yesu n’abayigirizwa be ne bayingira omwo.
2 Yuda, eyamulyamu olukwe, ekifo ekyo yali akimanyi, kubanga Yesu
yagendangayo emirundi mingi ng’ali n’abayigirizwa be.

3 Awo Yuda n'ajja mu kifo ekyo ng'ali n'ekibinja ky'abaserikale,
n'abaweereza ba Bakabona abakulu n'ab'Abafalisaayo. Bajja nga balina
ettaala n'emimuli n'ebyokulwanyisa.
4 Yesu bwe yamanya byonna ebyali bigenda okumubaako, n'avaayo
n'ababuuza nti, "Munoonya ani?"
5 Ne baddamu nti, "Tunoonya Yesu Omunnazaaleesi." Yesu n'abaddamu
nti, "Ye Nze," Yuda, eyamulyamu olukwe, yali ayimiridde nabo.
6 Yesu bwe yabagamba nti, "Ye Nze" ne badda emabega ne bagwa wansi.
7 Yesu n'ababuuza omulundi ogwokubiri nti, "Munoonya ani?" Ne
baddamu nti, "Yesu Omunnazaaleesi."
8 Yesu n'abaddamu nti, "Mbabuulidde nti, Ye Nze. Kale obanga
munoonya Nze, bano mubaleke bagende."
9 Yakola kino, ekyawandiikibwa kiryoke kituukirire ekigamba nti, "Abo
be wampa saabuzaako n'omu."
10 Awo Simooni Peetero, eyalina ekitala, n'akisowolayo, n'atema
omuddu wa Kabona Asinga Obukulu n'amusalako okutu okwa ddyo.
Erinnya ly'omuddu oyo nga ye Maluko.
11 Yesu n'alagira Peetero nti, "Zza ekitala mu kiraato kyakyo. Ekikompe
Kitange ky'ampadde, siikinywe?"
12 Awo ekibinja ky'abaserikale n'omuduumizi waabwe n'abaweereza
b'Abayudaaya, ne bakwata Yesu ne bamusiba.
13 Ne bamutwala ewa Ana, eyali mukoddomi wa Kayaafa, Kabona Asinga
Obukulu mu mwaka ogwo.*
14 Kayaafa oyo, y'oli eyawa Abayudaaya amagezi nti, "Kirungi omuntu
omu afiirire bonna."

### *Peetero Yeegaana Yesu Omulundi Ogusooka*

15 Simooni Peetero n'omuyigirizwa omulala eyali amanyiddwa Kabona
Asinga Obukulu, ne bagoberera Yesu. Omuyigirizwa oyo eyali amanyid-
dwa n'agoberera Yesu mu luggya lwa Kabona Asinga Obukulu,
16 nga Peetero ye ayimiridde wabweru ku mulyango; omuyigirizwa oyo
omulala bwe yayogera n'omuggazi w'oluggi n'ayingiza Peetero.
17 Omuwala omuggazi n'abuuza Peetero nti, "Naawe oli omu ku
bayigirizwa b'omuntu oyo?"
Peetero n'addamu nti, "Nedda."
18 Obudde bwali bwa mpewo, abaddu n'abaweereza baali bakumye
omuliro nga boota, ne Peetero naye ng'ayimiridde nabo ng'ayota omuliro.

### *Kabona Asinga Obukulu Abuuza Yesu Ebibuuzo*

19 Awo Ana eyaliko Kabona Asinga Obukulu n'abuuza Yesu ebifa ku
bayigirizwa be ne ku kuyigiriza kwe.
20 Yesu n'amuddamu nti, "Nayogeranga lwatu eri ensi, bulijjo
n'ayigirizanga mu makuŋŋaaniro ne mu Yeekaalu, Abayudaaya bonna
mwe bakuŋŋaanira, soogeranga kintu na kimu mu kyama.
21 Lwaki obuuza Nze? Buuza abo abaawuliranga bye njogera. Bamanyi
bye nnaayogera."
22 Yesu bwe yayogera ekyo omu ku baweereza eyali ayimiridde
awo n'amukuba oluyi n'amugamba nti, "Oddamu otyo Kabona Asinga
Obukulu?"

* **18:13** mu biro ebyo, waaliwo ekibiina ekitono ekya Bakabona Abasinga Obukulu nga bakulem-
berwa Ana ne Kayaafa, abaafuganga Yerusaalemi.

23 Yesu n'amuddamu nti, "Obanga njogedde bubi kinnumirize ekibi,
naye obanga kirungi, kale onkubira ki?"
24 Awo Ana n'aweereza Yesu nga musibe eri Kayaafa Kabona Asinga
Obukulu.

### *Peetero Yeeyongera Okwegaana Yesu*

25 Mu kiseera ekyo Simooni Peetero yali ayimiridde ng'ayota omuliro.
Ne bamubuuza nti, "Naawe oli omu ku bayigirizwa ba Yesu?"
N'abaddamu nti, "Nedda."
26 Awo omu ku baddu ba Kabona Asinga Obukulu, muganda w'oyo
Peetero gwe yasalako okutu, n'amubuuza nti, "Saakulabye naye mu
nnimiro?"
27 Peetero n'addamu okwegaana. Amangwago enkoko n'ekookolima.

### *Yesu mu Maaso ga Piraato*

28 Awo Abayudaaya ne baggya Yesu ewa Kayaafa ne bamutwala mu
lubiri lwa gavana Omuruumi. Obudde bwali bwakakya, ne batayingira mu
lubiri baleme okusobya omukolo ogw'okwetukuza, si kulwa nga basubwa
okulya Embaga y'Okuyitako.
29 Awo Piraato n'afuluma ebweru gye baali n'ababuuza nti, "Musango
ki gwe muvunaana omuntu ono?"
30 Ne bamuddamu nti, "Singa yali tazizza musango tetwandimuleese
gy'oli."
31 Piraato kyeyava abagamba nti, "Kale mmwe mumutwale mumusalire
omusango okusinziira mu mateeka gammwe."
Ne bamuddamu nti, "Ffe tetukkiriza kutta muntu yenna."
32 Kino ne kituukiriza ebyo Yesu bye yayogera ku nfa gye yali agenda
okufaamu.
33 Awo Piraato n'addayo mu lubiri n'ayita Yesu. N'amubuuza nti, "Ggwe
Kabaka w'Abayudaaya?"
34 Yesu n'addamu nti, "Ekyo okyogedde ku bubwo oba balala be
bakubuulidde ebinfaako?"
35 Piraato n'amubuuza nti, "Nze ndi Muyudaaya? Abantu bo ne Kabona
Asinga Obukulu be bakundeetedde. Okoze ki?"
36 Yesu n'addamu nti, "Obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno. Singa
bubadde bwa mu nsi eno abaweereza bange bandirwanye ne siweebwayo
mu Bayudaaya. Naye obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno."
37 Piraato n'amubuuza nti, "Kwe kugamba oli kabaka?"
Yesu n'amuddamu nti, "Okyogedde nti ndi kabaka. Ekyo kye nnaza-
alirwa era kye kyandeeta mu nsi, ntegeeze amazima. Era abo bonna
abaagala amazima bawulira eddoboozi lyange."
38 Piraato n'amubuuza nti, "Amazima kye ki?" Piraato bwe yamala
okwogera bw'atyo n'afuluma ebweru eri Abayudaaya n'abagamba nti,
"Omuntu ono talina musango.
39 Naye ku buli mbaga ejjuukirirwako Okuyitako mulina empisa,
onkusaba mbateere omusibe omu. Kale mwagala mbateere Kabaka
w'Abayudaaya?"
40 Bonna kyebaava baleekaanira waggulu nga bagamba nti, "Nedda, si
oyo, wabula tuteere Balaba." Balaba oyo yali munyazi.

## 19

### *Yesu Asalirwa ogw'Okufa*

1 Awo Piraato n'atwala Yesu n'amukuba embooko.
2 Abaserikale ne bakola engule ey'amaggwa ne bagissa ku mutwe gwa
Yesu, ne bamwambaza olugoye olwa kakobe,
3 ne bajja w'ali ne bamugamba nti, "Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya!"
Ne bamukuba empi.
4 Piraato n'afuluma ebweru nate, n'agamba Abayudaaya nti, "Laba,
mbaleetera Yesu ebweru, kyokka mutegeere nga nze ndaba taliiko
musango."
5 Awo Yesu n'afuluma ng'atikkiddwa engule eyakolebwa mu maggwa,
era ng'ayambaziddwa olugoye olw'effulungu, Piraato n'agamba Abayu-
daaya nti, "Mulabe omuntu oyo!"
6 Awo bakabona abakulu n'abaweereza bwe baamulaba, ne baleekaana
nti, "Mukomerere, mukomerere!"
Piraato n'abagamba nti, "Mmwe mumutwale mumukomerere. Nze
simulabako musango."
7 Abayudaaya ne bamuddamu nti, "Ffe tulina etteeka, era okusinziira ku
tteeka eryo asaanidde kuttibwa, kubanga yeeyita Omwana wa Katonda."
8 Piraato bwe yawulira ekyo ne yeeyongera okutya.
9 N'azzaayo Yesu mu lubiri, n'amubuuza nti, "Oli wa wa?" Yesu
n'atamuddamu kigambo.
10 Piraato n'amugamba nti, "Tonziramu? Tomanyi nga nnina obuyinza
okukuta oba okukukomerera?"
11 Yesu n'amuddamu nti, "Tewandibadde na buyinza ku Nze n'akatono,
singa tebukuweebwa kuva waggulu. Noolwekyo abo abampaddeyo gy'oli
be balina ekibi ekisinga."
12 Okuva mu kiseera ekyo Piraato n'asala amagezi okuta Yesu. Naye
Abayudaaya ne baleekaana nga bagamba nti, "Bw'ota omuntu oyo nga
tokyali mukwano gwa Kayisaali. Buli eyeefuula kabaka aba awakanya
Kayisaali."
13 Bwe baayogera batyo Piraato n'azza Yesu ebweru gye bali, n'atuula
ku ntebe esalirwako emisango, mu kifo ekiyitibwa Amayinja Amaaliire,
mu Lwebbulaniya Gabbasa.
14 Lwali lunaku lwa kutegeka Mbaga ejjuukirirwako Okuyitako. Essaawa
zaali nga mukaaga ez'omu ttuntu.
Piraato n'agamba Abayudaaya nti, "Kabaka wammwe wuuno!"
15 Abayudaaya ne baleekaana nga bagamba nti, "Mukomerere,
mukomerere!"
Piraato n'ababuuza nti, "Kabaka wammwe gwe mba nkomerera?"
Bakabona abakulu ne baddamu nti, "Tetulina kabaka mulala, wabula
Kayisaali."
16 Piraato n'abawa Yesu okumukomerera.
Awo ne batwala Yesu;
17 n'afuluma nga yeetisse omusaalaba gwe, n'atuuka mu kifo ekiyitibwa
eky'Ekiwanga, mu Lwebbulaniya kiyitibwa Gologoosa.
18 Ne bamukomerera ku musaalaba mu kifo ekyo. Era ne bakomerera
n'abalala babiri, omu eruuyi n'omulala eruuyi, Yesu n'abeera wakati
waabwe.
19 Piraato n'akola ekiwandiiko n'akiteeka ku musaalaba, nga kisoma nti:
"Yesu Omunnazaaleesi, Kabaka w'Abayudaaya."
20 Ekifo kye baakomereramu Yesu kyali kumpi n'ekibuga, era Abayudaaya
bangi abaasoma ekiwandiiko ekyo kubanga kyali mu Lwebbulaniya, ne
mu Lulatini ne Luyonaani.

21 Awo bakabona abakulu ab'Abayudaaya ne bagamba Piraato nti,
"Towandiika nti, 'Kabaka w'Abayudaaya,' naye nti, 'Oyo eyeeyita Kabaka
w'Abayudaaya.' "
22 Piraato n'addamu nti, "Ekyo kye mpandiise kye mpandiise."
23 Abaserikale bwe baamala okukomerera Yesu, ne baddira engoye ze
ne baziteeka emiteeko ena. Buli muserikale n'afuna omuteeko gumu. Ne
baddira ekkanzu ye, eyali erukiddwa obulukibwa yonna,
24 abaserikale ne bagambagana nti, "Tuleme kugiyuzaamu naye tugiku-
bire kalulu, tulabe anaagitwala."
Kino kyabaawo okutuukiriza ekyawandiikibwa ekigamba nti:
"Baagabana ebyambalo byange,
n'ekkanzu yange ne bagikubira akalulu."
Ekyo kyennyini abaserikale kye baakolera ddala.
25 Okumpi n'omusaalaba gwa Yesu waali wayimiriddewo nnyina, ne
muganda wa nnyina, ne Maliyamu muka Kuloopa, ne Maliyamu Magu-
daleene.
26 Yesu bwe yalaba nnyina, era n'omuyigirizwa Yesu gwe yayagalanga
ennyo ng'ayimiridde awo, n'agamba nnyina nti, "Maama, laba omwana
wo."
27 Ate n'agamba omuyigirizwa nti, "Laba maama wo." Okuva olwo
omuyigirizwa oyo n'atwala nnyina Yesu eka ewuwe.

### *Okufa kwa Yesu*

28 Yesu bwe yamanya nga byonna biwedde, ekyawandiikibwa kiryoke
kituukirire, n'ayogera nti, "Ennyonta ennuma."
29 Waali wateekeddwawo ekibya ekijjudde wayini omukaatuufu, ne
bannyikamu ekyangwe, ne bakiteeka ku kati ka ezobu ne bakiteeka ku
mumwa gwa Yesu.
30 Bwe yakombako n'agamba nti, "Kiwedde." N'akutamya omutwe gwe
n'awaayo obulamu bwe.
31 Olunaku nga bwe lwali olw'okweteekerateekera Ssabbiiti eyo enkulu
ennyo, abakulembeze b'Abayudaaya ne batayagala mirambo kusigala
ku misaalaba. Kyebaava basaba Piraato abaakomererwa bamenyebwe
amagulu era bawanulweyo.
32 Awo abaserikale ne bajja ne bamenya amagulu g'abasajja abaakomer-
erwa ne Yesu.
33 Naye bwe batuuka ku Yesu ne balaba nga yafudde dda, ne batamu-
menya magulu.
34 Naye omu ku baserikale n'amufumita effumu mu mbiriizi, amang-
wago ne muvaamu omusaayi n'amazzi.
35 Oyo eyakirabira ddala nga kibaawo ye yakyogera, era kye yayogera
kya mazima, era oyo amanyi ng'ayogera mazima mulyoke mukkirize.
36 Bino byabaawo ekyawandiikibwa kiryoke kituukirire ekigamba nti:
"Talimenyebwa gumba na limu."
37 Era ekyawandiikibwa ekirala kigamba nti, "Balimulaba oyo gwe
baafumita."

### *Okuziikibwa kwa Yesu*

38 Ebyo bwe byaggwa, Yusufu ow'e Alimasaya, eyali omuyigirizwa wa
Yesu mu kyama olw'okutya Abayudaaya, n'asaba Piraato olukusa okuwan-
ulayo omulambo gwa Yesu, Piraato n'amukkiriza. Yusufu n'aguwanulayo
n'agutwala.

39 Nikodemo, eddako eyagenda eri Yesu ekiro, naye n'ajja ng'aleese kilo
ng'amakumi ataano ez'ebyakoloosa ebitabule n'envumbo.
40 Ne batwala omulambo gwa Yesu, ne baguzinga mu ngoye eza linena
wamu n'ebyakaloosa ng'empisa y'Abayudaaya ey'okuziika bwe yali.
41 Mu kifo Yesu we yakomererwa waaliwo ennimiro omwali entaana
empya ey'empuku, eyali teziikibwangamu muntu.
42 Nga bwe lwali olunaku lw'Abayudaaya olw'okweteekerateekera
Ssabbiiti ate ng'entaana eno eri kumpi, Yesu ne bamussa omwo.

# 20

### *Okuzuukira kwa Yesu*

1 Mu makya g'olunaku olusooka mu wiiki, Maliyamu Magudaleene n'ajja
ku ntaana, ng'obudde tebunnalaba bulungi, n'alaba ejjinja nga liggiddwa
ku ntaana.
2 N'adduka n'agenda eri Simooni Peetero n'eri omuyigirizwa omulala
Yesu gwe yayagalanga ennyo n'abagamba nti, "Mukama waffe bamuggy-
eemu mu ntaana, era simanyi gye bamutadde!"
3 Awo Peetero n'omuyigirizwa oli omulala ne bafuluma ne balaga ku
ntaana.
4 Bombi ne bagenda nga badduka, omuyigirizwa oli omulala n'ayisa
Peetero n'amusooka ku ntaana.
5 N'akutama n'alaba engoye za linena nga ziteekeddwa awo, kyokka
n'atayingira mu ntaana.
6 Awo ne Simooni Peetero n'atuuka, n'ayingira mu ntaana, n'alaba
engoye za linena nga ziteekeddwa awo.
7 N'alaba n'ekitambaala ekyali ku mutwe gwa Yesu. Kyali tekiteekeddwa
wamu na ngoye, wabula kyali kizingiddwa era nga kiteekebbwa ku bbali.
8 N'omuyigirizwa oli omulala, eyasooka okutuuka ku ntaana n'ayingira.
N'alaba era n'akkiriza.
9 Kubanga okutuusiza ddala mu kiseera ekyo baali tebannategeera
ekyawandiikibwa nti: Kimugwanira okuzuukira mu bafu.
10 Awo abayigirizwa ne baddayo ewaabwe eka.

### *Yesu Alabikira Maliyamu Magudaleene*

11 Maliyamu Magudaleene yali ayimiridde wabweru w'entaana
ng'akaaba. N'akutama. N'alingiza mu ntaana nga bw'akaaba,
12 n'alaba bamalayika babiri, nga bali mu ngoye enjeru nga batudde;
omu emitwetwe n'omulala emirannamiro w'ekifo omulambo gwa Yesu
we gwali guteekeddwa.
13 Bamalayika ne bamubuuza nti, "Omukyala, okaabira ki?"
N'abaddamu nti, "Kubanga baggyeemu Mukama wange, era simanyi gye
bamutadde!"
14 Bwe yamala okwogera ebyo, n'akyuka n'alaba Yesu ng'ayimiridde,
kyokka n'atamanya nti ye Yesu.
15 Yesu n'amubuuza nti, "Omukyala okaabira ki? Onoonya ani?"
Maliyamu n'alowooza nti, Ye nannyini nnimiro n'amugamba nti, "Ssebo,
obanga gw'omuggyeemu, mbuulira gy'omutadde ŋŋende mmuggyeyo."
16 Yesu n'amugamba nti, "Maliyamu!"
Maliyamu n'akyukira Yesu n'amugamba mu Lwebbulaniya nti, "La-
booni," ekitegeeza nti, "Omuyigiriza."

17 Yesu n'amugamba nti, "Tonkwatako kubanga sinnagenda eri Kitange.
Naye genda eri baganda bange obagambe nti, ŋŋenda eri Kitange era
Kitammwe, Katonda wange era Katonda wammwe."
18 Maliyamu Magudaleene n'agenda n'abuulira abayigirizwa nga
bw'alabye Mukama waffe, era n'abategeeza by'amugambye.

### *Yesu Alabikira Abayigirizwa be*

19 Akawungeezi ako abayigirizwa baali bakuŋŋaanidde mu kisenge
ng'enzigi nsibe olw'okutya Abayudaaya, Yesu n'ajja n'ayimirira wakati mu
bo. N'abagamba nti, "Emirembe gibe mu mmwe."
20 Bwe yamala okwogera ebyo n'abalaga ebibatu bye n'embiriizi ze.
Abayigirizwa bwe baalaba Mukama ne basanyuka nnyo.
21 N'addamu nti, "Emirembe gibe mu mmwe. Nga Kitange bwe yantuma,
nange bwe mbatuma mmwe."
22 Bwe yamala okwogera ebyo n'abassiza omukka, n'abagamba nti,
"Mufune Mwoyo Mutukuvu.
23 Buli muntu gwe munaasonyiwanga ebibi bye anaabanga asonyiyid-
dwa. Abo be munaagaananga okusonyiwa, banaabanga tebasonyiyid-
dwa."

### *Yesu Alabikira Tomasi*

24 Naye Tomasi, omu ku bayigirizwa ekkumi n'ababiri, ayitibwa Didumo,
teyali na banne Yesu bwe yajja.
25 Bayigirizwa banne ne bamugamba nti, "Tulabye Mukama waffe."
Ye n'abagamba nti, "Okuggyako nga ndabye enkovu ez'emisumaali mu
bibatu bye, ne nteeka olunwe lwange mu nkovu ezo era ne nteeka ekibatu
kyange mu mbiriizi ze, sigenda kukkiriza."
26 Bwe waayitawo ennaku munaana, abayigirizwa ba Yesu, era bali mu
nnyumba, Tomasi yali nabo. Yesu n'ajja, enzigi nga nsibe, n'ayimirira
wakati mu bo n'abagamba nti, "Emirembe gibe mu mmwe,"
27 Awo n'agamba Tomasi nti, "Kale teeka engalo zo wano, laba ebibatu
byange. Teeka ekibatu kyo mu mbiriizi zange. Lekeraawo okuba
atakkiriza, naye kkiriza."
28 Tomasi n'amuddamu nti, "Ggwe Mukama wange era Katonda wange."
29 Yesu n'amugamba nti, "Okkirizza kubanga ondabye. Balina omukisa
abakkiriza nga tebaliiko kye balabye."
30 Yesu yakola ebyamagero ebirala bingi ng'abayigirizwa be balaba,
ebitaawandiikibwa mu kitabo kino.
31 Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo
Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu
mu linnya lye.

## 21

### *Yesu Alabikira Abayigirizwa be musanvu*

1 Ebyo bwe byaggwa, Yesu n'alabikira nate abayigirizwa be, ku nnyanja
ey'e Tiberiya.* Yabalabikira bw'ati:
2 Simooni Peetero, ne Tomasi ayitibwa Didumo, ne Nassanayiri ow'e
Kaana eky'e Ggaliraaya, ne batabani ba Zebbedaayo, n'abayigirizwa
abalala babiri, bonna baali wamu.

* **21:1** ye Nnyanja ey'e Ggaliraaya

3 Simooni Peetero n'abagamba nti, "ŋŋenda kuvuba." Ne bamugamba
nti, "Ka tugende ffenna." Ne bagenda ne basaabala mu lyato. Naye ekiro
ekyo kyonna ne batakwasaayo kintu.
4 Bwe bwali bukya, Yesu n'ayimirira ku lubalama, naye abayigirizwa ne
batamutegeera.
5 Yesu n'ababuuza nti, "Abaana, mukwasizzaayo?"
Ne baddamu nti, "Nedda."
6 Yesu n'abagamba nti, "Kale musuule akatimba ku luuyi olwa ddyo
olw'eryato, mujja ku kukwasa." Awo ne basuula, naye ne batasobola
kukannyulula olw'ebyennyanja ebingi bye baakwasa!
7 Awo omuyigirizwa oyo Yesu gwe yayagalanga ennyo n'agamba Peetero
nti, "Oyo Mukama waffe!" Simooni Peetero bwe yakiwulira ne yeesiba
olugoye kubanga yali mu kakutu, ne yeesuula mu mazzi.
8 Abayigirizwa abalala bo ne bajjira mu lyato nga basika akatimba
akaalimu ebyennyanja. Tebaali wala n'olukalu, baali nga mita kyenda.
9 Awo bwe baatuuka ne basanga omuliro ogw'amanda nga gwaka, nga
kuliko ekyennyanja n'omugaati.
10 Yesu n'abagamba nti, "Muleete ku byennyanja bye muva okukwasa
kaakano."
11 Awo Simooni Peetero n'agenda n'awalula akatimba n'akatuusa ku
lukalu, nga kajjudde ebyennyanja ebinene kikumi mu ataano mu bisatu.
Newaakubadde nga byali bingi bwe bityo naye akatimba tekaakutuka.
12 Yesu n'abagamba nti, "Mujje mulye ekyenkya." Naye ku bayigirizwa
tewaali n'omu yategana ku mubuuza nti, "Ggwe ani?" Kubanga bonna
baamanya nti ye Mukama waffe.
13 Yesu n'atoola omugaati n'abagabira era n'ebyennyanja n'akola
bw'atyo.
14 Guno gwe mulundi ogwokusatu Yesu gwe yalabikira abayigirizwa be,
ng'amaze okuzuukira.

### *Yesu Azzaamu Peetero Amaanyi*

15 Bwe baamala okulya, Yesu n'agamba Peetero nti, "Simooni omwana
wa Yokaana, onjagala okusinga bano?"
Peetero n'addamu nti, "Ddala, omanyi nga nkwagala nnyo."
Yesu n'amugamba nti, "Kale liisanga abaana b'endiga zange."
16 Yesu n'amubuuza omulundi ogwokubiri nti, "Simooni omwana wa
Yokaana, ddala onjagala?"
Peetero n'addamu nti, "Ddala, Mukama wange, omanyi nga nkwagala."
Yesu n'amugamba nti, "Kale lundanga endiga zange."
17 Yesu n'abuuza Peetero omulundi ogwokusatu nti, "Simooni omwana
wa Yokaana, onjagala?"
Peetero n'anakuwala kubanga Yesu yamubuuza omulundi ogwokusatu
nti, "Onjagala?" Peetero n'amuddamu nti, "Mukama wange ggwe omanyi
buli kimu, omanyi nga nkwagala."
Yesu n'amugamba nti, "Kale liisanga endiga zange.
18 Bwe wali ng'okyali muvubuka wasobolanga okukola buli kye waya-
galanga era ng'ogenda buli gye weetaaganga naye bw'olikaddiwa oligolola
emikono gyo, omuntu omulala n'akusiba n'akutwala gy'otoyagala."
19 Ekyo Yesu yakyogera ng'alaga enfa Peetero gy'alifaamu okuweesa
Katonda ekitiibwa. Awo n'amugamba nti, "Ngoberera."
20 Peetero bwe yakyuka, n'alaba omuyigirizwa oli Yesu gwe yayagalanga
ennyo nga naye agoberera. Oyo ye muyigiriza eyagalamira okumpi

n'ekifuba kya Yesu nga balya ekyekiro eky'enkomerero, amale abuuze Yesu nti, "Mukama waffe ani agenda okukulyamu olukwe?"
21 Peetero bwe yamulaba kwe kubuuza Yesu nti, "Mukama wange, ate ono aliba atya?"
22 Yesu n'amugamba nti, "Bwe njagala abeerawo okutuusa lwe ndikomawo, ofaayo ki? Ggwe goberera Nze."
23 Awo ekigambo ekyo ne kibuna mu booluganda nti omuyigirizwa oyo talifa. Naye Yesu teyagamba nti omuyigirizwa oyo talifa, wabula yagamba bugambi nti, "Bwe njagala abeerawo okutuusa lwe ndikomawo, ofaayo ki?"
24 Oyo ye muyigirizwa akakasa bino era ye yabiwandiika. Era tumanyi nga by'ategeeza bya mazima.

*Ebifundikira*

25 Waliwo n'ebintu ebirala bingi Yesu bye yakola ebitaawandiikibwa. Era singa nabyo byawandiikibwa kinnakimu, ndowooza nga n'ensi zonna tezandigiddemu bitabo ebyandiwandiikiddwa.

# Ekitabo Ekiyitibwa
# Ebikolwa by’Abatume

### *Yesu Atwalibwa mu Ggulu*

1 Mu kitabo ekyasooka, munnange Teefiro, nakutegeeza ebintu byonna
okuva Yesu lwe yatandika okukola emirimu gye n’okuyigiriza,
2 okutuusa ku lunaku lwe yatwalibwa mu ggulu ng’amaze okuwa
abatume be, be yalonda, ebiragiro ku bwa Mwoyo Mutukuvu.
3 Mu nnaku amakumi ana ezaddirira, Yesu yalabikira abatume nga
mulamu era n’abakakasa mu ngeri nnyingi, era buli lwe yabalabikiranga
ng’ayogera nabo ku bigambo by’obwakabaka bwa Katonda.
4 Awo bwe yali ng’alya nabo ekijjulo n’abalagira baleme kuva mu
Yerusaalemi naye balindirire ekisuubizo kya Kitaawe. Yagamba nti, “Ekyo
kye mwawulira nga mbagamba nti,
5 ‘Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo
Mutukuvu mu nnaku si nnyingi.’ ”
6 Awo bwe baali bakuŋŋaanye ne bamubuuza nti, “Mukama waffe, mu
kiseera kino mw’onooddizaawo obwakabaka bwa Isirayiri?”
7 Naye Yesu n’abaddamu nti, “Okumanya entuuko oba ebiro si
kyammwe, kitange kye yateekateeka mu buyinza bwe.
8 Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw’alimala
okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne
mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero
z’ensi.”
9 Bwe yamala okwogera ebigambo ebyo, ekire ne kimutwala waggulu
nga balaba.
10 Awo bwe baali nga batunula enkaliriza mu ggulu ng’agenda, amang-
wago abasajja babiri nga bambadde engoye enjeru ne balabika,
11 ne boogera nti, “Abasajja Abagaliraaya, lwaki muyimiridde wano nga
mutunula waggulu mu ggulu? Yesu oyo abaggiddwako n’atwalibwa mu
ggulu, agenda kukomawo mu ngeri y’emu nga bwe mumulabye ng’agenda
mu ggulu.”
12 Ne bakomawo e Yerusaalemi okuva ku lusozi oluyitibwa olwa
Zeyituuni, oluli okumpi ne Yerusaalemi, ng’olugendo olutambulwa ku
Ssabbiiti.
13 Ne balaga mu kisenge ekya waggulu mu nnyumba mwe baali basula,
era be bano:

Peetero, ne Yokaana ne Yakobo, ne Andereya,
ne Firipo ne Tomasi,
ne Battolomaayo, ne Matayo,
ne Yakobo, omwana wa Alufaayo, ne Simooni eyayitibwanga “Omuzerote*”, ne Yuda, omwana wa Yakobo.

14 Abo bonna ne beeweerayo ddala n’omutima gumu okusaba wamu
n’abakazi ne Maliyamu nnyina Yesu ne baganda ba Yesu.

### *Matiya Asikira Yuda*

---
* **1:13** Omuzerote Abazerote be baayeekeranga gavumenti y’Abaruumi mu biro ebyo

15 Awo mu nnaku ezo, Peetero n’ayimirira wakati mu booluganda abaali bakuŋŋaanye nga bawera nga kikumi mu abiri, n’ayogera nti,
16 “Abasajja abooluganda, ebyawandiikibwa ku Yuda eyakulembera ekibiina ekyakwata Yesu byali biteekwa okutuukirira; kubanga ekyo Mwoyo Mutukuvu yali yakitegeeza dda bwe yayogerera mu Dawudi.
17 Yuda yali omu ku ffe, era n’aweebwa omugabo gw’obuweereza buno.”
18 Empeera gye yafuna mu butali butuukirivu bwe, yagigulamu ennimiro, era omwo mwe yagwa n’ayabika n’ebyenda bye ne biyiika.
19 Amawulire ago ne gatuuka ku bantu ab’omu Yerusaalemi, era ennimiro eyo ne bagituuma Akerudama mu lulimi lwabwe, amakulu nti, Ennimiro y’Omusaayi!
20 “Kubanga kyawandiikibwa mu Zabbuli nti,
“ ‘Ekibanja kye kizike,
so kireme okubeerangamu omuntu.’
‘N’obuvunaanyizibwa bwe buweebwe omulala.’
21 Noolwekyo kigwanye okulonda omuntu mu bantu abaayitanga naffe mu biro byonna, eyayingiranga n’afuluma wamu naffe nga tuli ne Mukama waffe Yesu,
22 okuviira ddala ku kubatiza kwa Yokaana okutuusa lwe yatwalibwa mu ggulu, alyoke abeere omujulirwa ow’okuzuukira kwe awamu naffe.”
23 Awo ne balonda abasajja babiri, omu nga ye Yusufu (eyayitibwanga Balusaba ate era nga ye Yusito), n’owokubiri nga ye Matiya.
24 Ne balyoka basaba ne bagamba nti, “Ayi Mukama, gw’omanyi emitima gy’abantu bonna, tulage gw’olonze ku bantu bano ababiri,
25 okubeera mu baweereza buno n’okubeera omutume mu kifo kya Yuda eyatwawukanako n’alaga mu kifo kye ekimusaanira.”
26 Oluvannyuma ne bakuba akalulu, ne kagwa ku Matiya, n’agattibwa ku batume ekkumi n’omu.

# 2

*Mwoyo Mutukuvu ajja ku Pentekoote*

1 Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka bonna baali bakuŋŋaanidde mu kisenge kimu.
2 Amangwago okuwuuma, nga kuli ng’empewo ey’amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.
3 Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng’ez’omuliro.
4 Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez’enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa.
5 Waaliwo Abayudaaya bangi abatya Katonda abaali bazze mu Yerusaalemi nga bavudde mu buli ggwanga wansi w’eggulu.
6 Bwe baawulira okuwuuma okwo, ekibiina kinene ne kikuŋŋaana, ne beewuunya okuwulira nga buli muntu awulira olulimi lw’ewaabwe.
7 Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, “Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?
8 Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw’ewaffe gye twazaalibwa?
9 Tubawulira nga boogera eby’amagero bya Katonda mu nnimi ez’Abapaazi, n’Abameedi, n’Abeeramiti, n’ez’abalala abava e Mesopotamiya, ne Buyudaaya, ne Kapadokiya, mu Ponto ne mu Asiya,
10 ne mu Fulugiya ne mu Panfuliya, n’abamu abava mu Misiri, n’ensi za Libiya okuliraana Kuleene, n’abagenyi Abaruumi,

11 Abayudaaya, n'abakyuka ne basoma Ekiyudaaya, n'Abakuleete
n'Abawalabu."
12 Bonna ne beewuunya nga bawuniikiridde, ne bagambagana nti, "Kino
kitegeeza ki?"
13 Naye abalala ne baseka busesi nga bagamba nti, "Banywedde mwenge
musu!"

### *Okwogera kwa Peetero*

14 Awo Peetero n'asituka n'abatume ekkumi n'omu, n'asitula ku
ddoboozi n'ayogera eri ekibiina, n'abagamba nti, "Abasajja Abayu-
daaya, nammwe mwenna ababeera mu Yerusaalemi, mutegeere bino era
mumpulirize.
15 Abantu bano tebatamidde nga bwe mulowooza, kubanga essaawa ziri
ssatu ez'enkya!
16 Naye kino kye kyayogerwako nnabbi Yoweeri nti,
17 " 'Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma,
bw'ayogera Katonda,
ndifuka Omwoyo wange ku balina omubiri bonna. Batabani bammwe ne
bawala bammwe baliwa obunnabbi;
n'abavubuka bammwe balyolesebwa,
n'abakadde baliroota ebirooto.
18 Mu biro ebyo ndifuka Omwoyo wange,
ku baweereza bange abasajja n'abakazi;
baliwa obunnabbi.
19 Era ndikola ebyamagero mu ggulu waggulu,
n'obubonero ku nsi wansi,
omusaayi n'omuliro n'ekikoomi eky'omukka.
20 Enjuba erifuuka ekizikiza,
n'omwezi gulimyuka ng'omusaayi,
olunaku lwa Mukama olukulu era olw'ekitiibwa nga terunnatuuka.
21 Na buli muntu alikoowoola erinnya lya Mukama,
alirokolebwa.'
22 "Abasajja Abayisirayiri, muwulirize ebigambo bino! Yesu
Omunnazaaleesi omuntu Katonda gwe yakakasa gye muli n'ebyamagero
eby'ekitalo, Katonda bye yamukozesanga ng'ali mu mmwe, nga mwenna
bwe mumanyi.
23 Naye ng'enteekateeka ya Katonda bwe yali, omuntu oyo yaweeb-
wayo mu mikono gy'abantu abatagoberera mateeka, ne mumutta nga
mumukomeredde ku musaalaba.
24 Kyokka Katonda yamuzuukiza ng'asaanyizaawo obulumi bw'okufa,
kubanga okufa tekwayinza kumunyweza.
25 Kubanga Dawudi amwogerako nti,
" 'Nalaba nga Mukama ali nange bulijjo,
kubanga ali ku mukono gwange ogwa ddyo,
nneme okusagaasagana.
26 Noolwekyo omutima gwange kyeguvudde gusanyuka, n'olulimi lwange
ne lukutendereza.
Era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu ssuubi.
27 Kubanga tolireka mwoyo gwange kuzikirira
so toliganya mutukuvu wo kuvunda.
28 Wandaga amakubo g'obulamu,
era olinzijuza essanyu nga ndi mu maaso go.'

29 “Abasajja abooluganda, nnyinza okwogera n’obuvumu gye muli ku
bifa ku jjajjaffe Dawudi nga yafa n’aziikibwa, era n’amalaalo ge weegali
ne kaakano.
30 Naye Dawudi yali nnabbi, n’amanya nga Katonda yamulayirira
ekirayiro, nti mu bibala eby’omu ntumbwe ze mwe muliva alituula ku
ntebe ey’obwakabaka bwe,
31 bwe yakiraba olubereberye nayogera ku kuzuukira kwa Kristo nga
teyalekebwa magombe so nga n’omubiri gwe tegwavunda.
32 Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, era ffe ffenna tuli bajulirwa.
33 Awo bwe yagulumizibwa n’alaga ku mukono ogwa ddyo ogwa Ka-
tonda, n’aweebwa Mwoyo Mutukuvu eyamusuubizibwa Kitaffe, n’alyoka
atuwa kino nammwe kye mwerabiddeko era kye mwewuliriddeko.
34 Kubanga Dawudi teyalinnya mu ggulu, naye agamba nti,
“ ‘Mukama yagamba Mukama wange nti,
“Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo,
35 okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y’ebigere byo.” ’
36 “Noolwekyo ennyumba yonna eya Isirayiri, bamanyire ddala nti oyo
Yesu gwe mwakomerera ku musaalaba, Katonda yamufuula Mukama era
Kristo!”
37 Awo bwe baawuulira ebigambo ebyo, emitima ne gibaluma, ne
bagamba Peetero n’abatume abalala, nti, “Abooluganda, kiki kye
tusaanidde okukola?”
38 Peetero n’abagamba nti, “Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe
mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe
mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.
39 Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n’eri abaana bammwe, n’eri
bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe.”
40 Awo Peetero n’abategeeza mu bigambo ebirala bingi n’ababuulira
ng’agamba nti mulokolebwe okuva mu mulembe guno ogwakyama.
41 Awo abo abakkiriza ebigambo bye ne babatizibwa ku lunaku olwo ne
beeyongerako ng’enkumi ssatu.

### *Obulamu bw’Abakkiriza*

42 Ne banyiikiranga okuyigirizibwa kw’abatume ne mu kussekimu, ne
mu kumenya omugaati era ne mu kusaba.
43 Buli muntu n’ajjula okutya era ebyamagero bingi n’obubonero bungi
ne bikolebwanga abatume.
44 Abakkiriza ne bakuŋŋaananga bulijjo mu kifo kimu, ne baba nga
bassa kimu mu byonna.
45 Eby’obugagga byabwe n’ebintu bye baalina ne babitunda ne bagabira
buli muntu ng’okwetaaga kwe bwe kwabanga.
46 Ne banyiikiranga okukuŋŋaananga mu Yeekaalu buli lunaku, era ne
bakuŋŋaananga ne mu maka gaabwe nju ku nju okumenya omugaati, ne
baliiranga wamu emmere yaabwe n’essanyu lingi n’omutima ogutalina
bukuusa,
47 nga batendereza Katonda, era nga basiimibwa abantu bonna.
Mukama n’abongerangako bulijjo abaalokolebwanga.

## 3

### *Peetero Awonya Omulema*

1 Awo Peetero ne Yokaana bwe baali bagenda mu Yeekaalu mu kusaba
okw’essaawa omwenda,

2 ne wabaawo omusajja eyazaalibwa nga mulema gwe baasitulanga ne bateekanga bulijjo ku mulyango gwa Yeekaalu oguyitibwa Omulyango Omulungi, okusabiriza.
3 Awo bwe yalaba Peetero ne Yokaana nga bagenda okuyingira mu yeekaalu n'abasaba ensimbi.
4 Ne bamwekaliriza amaaso, Peetero n'alyoka amugamba nti, "Tutunuulire!"
5 N'abatunuulira ng'asuubira okuweebwayo akantu.
6 Naye Peetero n'agamba nti, "Effeeza ne zaabu sibirina, naye ka nkuwe ekyo kye nnina. Mu linnya lya Yesu Omunnazaaleesi Golokoka, otambule!"
7 Awo Peetero n'akwata omulema ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa, amangwago ebigere by'omusajja n'obukongovvule ne bifuna amaanyi,
8 n'abuuka n'ayimirira n'atandika okutambula! N'ayingira nabo mu Yeekaalu ng'atambula era nga bw'abuuka ng'atendereza Katonda.
9 Abantu bonna ne baamulaba ng'atambula, era ng'atendereza Katonda,
10 ne bamutegeera nga ye wuuyo eyatuulanga ku mulyango gwa Yeekaalu oguyitibwa Omulyango Omulungi ng'asabiriza, ne bawuniikirira era ne beewuunya nnyo olw'ekyo ekimutuuseeko.

### *Okwogera kwa Peetero mu Yeekaalu*

11 Awo omusajja eyali omulema bwe yali ng'akyekutte ku Peetero ne Yokaana abantu bonna ne badduka okujja we baali ne bakuŋŋaanira mu kisasi kya Sulemaani, nga basamaaliridde.
12 Awo Peetero bwe yabalaba n'agamba abantu nti, "Abasajja Abayisirayiri, kiki ekibeewuunyisa? Era lwaki mututunuulira ng'abagamba nti obulungi bwaffe n'obuyinza bwaffe bye bitambuzza omusajja ono?
13 Katonda wa Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo, era Katonda wa bajjajjaffe ffenna yagulumiza omuweereza we Yesu, gwe mwawaayo ne mu mwegaanira mu maaso ga Piraato newaakubadde nga ye yali amaliridde okumusumulula,
14 naye mmwe ne mwegaana omutuukirivu era omutukuvu, ne musaba babateere omutemu.
15 Bwe mutyo ne mutta aleeta obulamu; oyo ye Katonda yamuzuukiza mu bafu, era ffe bajulirwa.
16 Olw'okukkiriza mu linnya lye, omusajja ono, mwenna gwe mulaba era gwe mumanyi aweereddwa amaanyi mu linnya lye, era okukkiriza mu ye kwe kuwadde omusajja ono obulamu obutuukiridde nga mwenna bwe mulaba.
17 "Kale kaakano, abooluganda, mmanyi nga kye mwakola mwakikola mu butamanya, era n'abakulembeze bammwe nabo bwe batyo.
18 Kyokka Katonda yali atuukiriza ebyo bannabbi bonna bye baayogera nti Kristo we ateekwa okubonaabona mu ngeri eyo.
19 Noolwekyo mwenenye, mukyuke, mulyoke mugibweko ebibi byammwe,
20 mulyoke muwummulire mu maaso ga Mukama, naye abaweereze Yesu, ye Kristo eyalangirirwa gye muli edda,
21 eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa ekiseera nga kituuse ebintu byonna ne bizzibwa obuggya Katonda bye yayogerera edda mu bannabbi be abatukuvu.
22 Weewaawo Musa yagamba nti, 'Mukama Katonda wammwe alibayimusiza nnabbi ali nga nze, gw'aliggya mu baganda bammwe. Muwulirizanga buli ky'alibagamba.

23 Ataliwuliriza nnabbi oyo abantu balimuzikiririza ddala.’

24 “Ne bannabbi bonna okuviira ddala ku Samwiri n’abo abaamuddirira bonna abaayogera nabo baalangirira olunaku luno.

25 Mmwe bazzukulu ba bannabbi abo, era ab’endagaano Katonda gye yalagaana ne bajjajjammwe ng’agamba Ibulayimu nti, ‘Mu zzadde lyo abantu bonna ab’oku nsi mwe baliweerwa omukisa.’

26 Bw’atyo Katonda bwe yalondawo okubatumira Omuweereza we abawe omukisa, buli omu ku mmwe ng’akyuka okuva mu bibi bye.”

# 4

*Peetero ne Yokaana mu Lukiiko lw’Abayudaaya Olukulu*

1 Awo Peetero ne Yokaana baali bakyayogera eri abantu, bakabona, n’omukulu w’abakuumi ba Yeekaalu n’Abasaddukaayo ne bajja gye bali,

2 nga basunguwadde nnyo okuwulira nga Peetero ne Yokaana bayigiriza abantu, ku bwa Yesu, okuzuukira mu bafu.

3 Ne bakwata Peetero ne Yokaana, naye olwokubanga obudde bwali buyise ne babaggalira mu kkomera okutuusa enkeera.

4 Kyokka abantu bangi ku abo abaali bawuliriza abatume ne bakkiriza, era omuwendo gw’abasajja bokka abakkiriza ne guba ng’enkumi ttaano!

5 Enkeera, abafuzi n’abakulembeze b’Abayudaaya, n’abannyonnyozi b’amateeka ne bakuŋŋaanira mu Yerusaalemi.

6 Baali ne Ana Kabona Asinga Obukulu, ne Kayaafa, ne Yokaana, ne Alegezanda n’abalala bangi abaalina oluganda ne Kabona Asinga Obukulu.

7 Awo abatume bombi ne baleetebwa ne basimbibwa mu maaso g’Olukiiko. Ne bababuuza nti, “Buyinza ki oba linnya ly’ani kwe musinzidde okukola kino?”

8 Awo Peetero bwe yajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu n’agamba nti, “Abafuzi, n’abakulembeze b’abantu,

9 obanga tubuuzibwa nsonga ey’omusajja eyawonyezeddwa,

10 mutegeere mmwe mwenna n’abantu bonna mu Isirayiri, omusajja ono ayimiridde mu maaso gammwe mu linnya lya Yesu Kristo Omunnazaaleesi, gwe mwakomerera naye Katonda n’amuzuukiza, era kaakano mulamu.

11 “ ‘Oyo ly’Ejjinja abazimbi lye baagaana,
lye lifuuse ejjinja ekkulu ery’oku nsonda.’

12 Tewali mu mulala yenna bulokozi, era tewali linnya ddala na limu mu mannya gonna agaaweebwa abantu, wansi w’eggulu, mwetugwanira okulokolebwa.”

13 Awo ab’Olukiiko bwe baalaba obuvumu bwa Peetero ne Yokaana, ate n’okutegeera ne bategeera nga tebaasoma, era nga si batendeke, ne beewuunya nnyo, ne bategeera ng’abasajja abo baabeeranga ne Yesu.

14 Era bwe baalaba omusajja eyawonyezebwa ng’ayimiridde nabo, n’eky’okubaddamu ne kibabula.

15 Ne babalagira okugira nga babeera wabweru Olukiiko lubakubaganyeko ebirowoozo.

16 Ab’olukiiko ne beebuuzaganya nti, “Abasajja bano tubakole tutya? Kubanga tetuyinza kwegaana ekyamagero eky’amaanyi ekikoleddwa mu bo; buli muntu yenna mu Yerusaalemi akitegedde.

17 Naye engeri gye tunaaziyizaamu ebigambo byabwe okwongera okusaasaana kwe kubalabula n’amaanyi baleme kuddayo kwogera na muntu yenna ku linnya lya Yesu.”

18 Ne babayita bakomewo mu Lukiiko, ne babalagira baleme kuddayo
nate kwogera ku linnya lya Yesu.
19 Naye Peetero ne Yokaana ne baddamu nti, “Mmwe muba musalawo
obanga kituufu mu maaso ga Katonda okuwulira mmwe okusinga
okuwulira Katonda.
20 Tetuyinza butayogera ku bintu bye twalaba, n’ebigambo bye
twawulira.”
21 Awo Olukiiko bwe lwamala okwongera okubatiisatiisa ne lubaleka
ne bagenda, kubanga baabulwa kwe banaasinziira okubabonereza ne
batasasamaza bantu. Kubanga abantu bonna baali bagulumiza Katonda
olw’ekyo ekyabaawo.
22 Omusajja eyawonyezebwa yali assussa mu myaka amakumi ana.

## *Okusaba kw’Abakkiriza*

23 Awo Peetero ne Yokaana bwe baateebwa ne baddayo eri bannaabwe
ne bababuulira byonna bakabona abakulu n’abakulembeze b’Abayudaaya
bye baabagamba.
24 Bonna bwe baabiwulira ne bayimusiza wamu amaloboozi gaabwe
n’omwoyo gumu eri Katonda ne basaba nti, “Ayi Mukama, Omutonzi
w’eggulu n’ensi n’ennyanja ne byonna ebibirimu,
25 ggwe Kitaffe wayogerera ku bwa Mwoyo Mutukuvu mu kamwa
k’omuweereza wo, Dawudi bwe yagamba nti:
“ ‘Lwaki Abaamawanga banyiigidde,
n’abantu ne balowooza ebitaliimu?
26 Bakabaka b’ensi
n’abakulembeze,
beegatta okulwanyisa Mukama
n’okulwanyisa Kristo we.’
27 Kubanga baakuŋŋaanira mu kibuga. Kerode ne Pontiyo Piraato, awamu
n’Abamawanga, n’Abayisirayiri, beegatta okulwanyisa Omuweereza wo
Omutukuvu Yesu gwe wafukako amafuta,
28 ne bakola ebyo omukono gwo n’okuteesa kwo bye kwateekateeka edda
okubaawo.
29 Ne kaakano, Ayi Mukama, wulira okutiisatiisa kwabwe; owe abaddu bo
obuvumu babuulire ekigambo kyo,
30 golola omukono gwo owonye, n’obubonero n’ebyamagero bikolebwenga
mu linnya ly’Omuweereza wo Omutukuvu Yesu.”
31 Awo bwe baamala okusaba, ekifo mwe baali bakuŋŋaanidde ne
kinyeenyezebwa, bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu ne babuulira
ekigambo kya Katonda n’obuvumu.

## *Abakkiriza Okugabanira Awamu Ebyabwe*

32 Abakkiriza bonna baalina omwoyo gumu n’omutima gumu; nga
tewali agamba nti kino kye nnina kyange ku bwange, wazira nga bonna
bagabanira wamu.
33 Awo abatume ne babuulira nnyo n’amaanyi mangi ku kuzuukira kwa
Mukama waffe Yesu, era bonna ne bajjula ekisa kingi.
34 Mu bo temwali baali mu kwetaaga, kubanga abo abaalina ettaka oba
amayumba, baabitundanga, ensimbi ezivudde mu bye batunze
35 ne bazireeta ku bigere by’abatume bagabireko buli muntu
ng’okwetaaga kwe bwe kwalinga.
36 Awo Yusufu, Omuleevi abatume gwe baatuuma Balunabba (amakulu
gaalyo nti atereeza emitima gy’abantu) eyazaalibwa e Kupulo,

37 n'atunda ennimiro ye, ensimbi ezaavaamu n'azireeta ku bigere by'abatume.

# 5

### *Ananiya ne Safira*

1 Waaliwo omusajja erinnya lye Ananiya ne mukyala we Safira, n'atunda ebibye
2 ne yeeterekerako ku muwendo, mukazi we naye ng'amanyi, n'aleetako kitundu butundu n'akiteeka ku bigere by'abatume.
3 Naye Peetero n'agamba Ananiya nti, "Ananiya, lwaki Setaani ajjudde mu mutima gwo, n'okulimba n'olimba Mwoyo Mutukuvu ne weeterekerako ku muwendo gw'ennimiro?
4 Teyali yiyo? Era bwe yamala okutundibwa, teyali mu buyinza bwo? Lwaki ekikolwa ekyo kikujjidde mu mutima gwo? Tolimbye bantu wabula olimbye Katonda."
5 Ananiya olwawulira ebigambo ebyo n'agwa eri n'afiirawo! Bonna abaawulira ebyo ne bakwatibwa entiisa ya maanyi.
6 Abavubuka ne bayimuka ne bamuzinga, ne bamutwala ne bamuziika.
7 Bwe waali wayiseewo essaawa nga ssatu, mukyala we naye n'ayingira, kyokka nga tategedde bibaddewo.
8 Peetero n'amubuuza nti, "Mbuulira, omuwendo guno gwe gwo gwe mwaggya mu nnimiro gye mwatunda?" Omukyala n'addamu nti, "Yee, gwe guugwo."
9 Awo Peetero n'amugamba nti, "Lwaki mwateesezza okukema Omwoyo wa Mukama? Laba, ebigere by'abo abaziise balo biri ku mulyango naawe bagenda kukutwala."
10 Amangwago n'agwa wansi ku bigere bya Peetero n'afiirawo. Abavubuka bwe baayingira ne bamusanga ng'afudde ne bamutwala ne bamuziika okuliraana bba.
11 Entiisa ey'amaanyi n'ebuna Ekkanisa yonna na buli muntu eyawulira ebigambo ebyo.

### *Abatume Bawonya Abantu Bangi*

12 Abatume ne baba n'omwoyo gumu ne bakuŋŋaananga mu kisasi kya Sulemaani, ne bakola ebyamagero bingi mu bantu.
13 So ne wataba n'omu ku balala eyayaŋŋanga okubeegattako, newaakubadde ng'abantu bonna baabasiima nnyo.
14 Abakkiriza bangi abasajja n'abakazi ne beeyongeranga okwegatta ku Mukama waffe.
15 Abantu ne baleeta abalwadde baabwe ku nguudo z'omu kibuga, ne babagalamizanga ku butanda ne ku bikeeka, ekisiikirize kya Peetero kibatuukeko ng'azze.
16 Ebibiina ne biva mu bibuga ebiriraanye Yerusaalemi, ne baleeta abalwadde n'abaaliko baddayimooni, bonna ne bawonyezebwa.

### *Abatume Bayigganyizibwa*

17 Awo Kabona Asinga Obukulu, n'abo abaali naye ab'omu kibiina ky'Abasaddukaayo ne bajjula obuggya.
18 Ne bakwata abatume ne babateeka mu kkomera ly'abantu bonna.
19 Naye mu kiro, malayika wa Mukama n'ajja n'aggulawo enzigi z'ekkomera n'abafulumya,

20 n'abagamba nti, "Mugende muyimirire mu Yeekaalu mutegeeze
abantu bonna ebigambo eby'obulamu buno."
21 Bwe baawulira ebyo ne bayingira mu Yeekaalu mu matulutulu, ne
bayigiriza.
Kabona Asinga Obukulu ne be yali nabo ne bajja ne batuuza Olukiiko
Olukulu olw'abakulu b'abaana ba Isirayiri, ne balyoka batuma mu
kkomera okuleeta abasibe babawozese.
22 Naye abaweereza bwe baatuuka mu kkomera tebaabasangamu. Ne
bakomawo ne bategeeza Olukiiko Olukulu
23 nga bagamba nti, "Tusanze enzigi z'ekkomera nga nsibe n'abakuumi
bonna n'abaserikale nga bayimiridde ku nzigi; naye bwe tuziggudde,
tetusanzeemu muntu n'omu."
24 Awo omukulu w'abaserikale ba Yeekaalu awamu ne bakabona
abakulu bwe baawulira ebyo ne basamaalirira nga beewuunya ebintu
ebyo gye binaakoma.
25 Omuntu omu n'ajja n'abategeeza nti, "Abasajja be mwasibye mu
kkomera bali eri mu Yeekaalu bayigiriza bantu."
26 Awo omukulu w'abaserikale ba Yeekaalu, n'agenda n'abaserikale ne
babaleeta, si lwa maanyi, nga batya abantu okwegugunga n'okukuba
abaserikale amayinja.
27 Awo abatume bwe baaleetebwa, ne bayimirira mu maaso g'Olukiiko
Olukulu, Kabona Asinga Obukulu n'ababuuza
28 ng'agamba nti, "Tetwabalagira obutayigirizanga mu linnya eryo; naye
laba mujjuzizza Yerusaalemi okuyigiriza kwammwe, era mumaliridde
okutuleetako omusaayi gw'omuntu oyo."
29 Naye Peetero n'abatume ne baddamu nti, "Kitugwanira okugondera
Katonda okusinga okugondera abantu.
30 Katonda wa bajjajjaffe yazuukiza Yesu, gwe mwatta nga mumuwanise
ku muti.
31 Oyo Katonda n'amugulumiza okubeera Omulangira era Omulokozi,
abeerenga ku mukono gwe ogwa ddyo, okuwa Isirayiri omukisa
ogw'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi.
32 Ffe ne Mwoyo Mutukuvu Katonda gw'awa abo abamugondera tuli
bajulira ba bigambo ebyo."
33 Awo ab'Olukiiko bwe baawulira ebigambo ebyo ne bajjula obusungu
bungi n'okwagala ne baagala okubatta.
34 Naye omu ku abo abaali mu Lukiiko Olukulu, Omufalisaayo erinnya
lye Gamalyeri, eyali omunnyonnyozi w'amateeka era nga n'abantu
bamussaamu nnyo ekitiibwa, n'alagira abatume bagira bafulumizibwa
ebweru.
35 N'alyoka agamba banne ab'omu Lukiiko nti: "Abasajja Abayisirayiri,
mwegendereze nnyo abasajja abo ne kye mugenda okubakolako.
36 Emabegako waaliwo omusajja erinnya lye Syuda, yasituka era
n'alowoozesa abantu nti muntu mukulu, era abantu ng'ebikumi bina ne
bamugoberera; naye yattibwa abaali bamugoberera ne basaasaana ne
bikoma awo.
37 Oyo bwe yavaawo ne wasituka Yuda Omugaliraaya mu biseera
eby'okubala abantu. Abantu bangi ne bamugoberera, kyokka bwe
yattibwa, abagoberezi be ne basaasaana ne bataddayo kuwulikikako.
38 Noolwekyo kye ŋŋamba kye kino nti, Abasajja bano mubaleke
bagende! Kubanga, obanga enteekateeka eno y'abantu ejja kukoma.
39 Naye obanga biva eri Katonda, temuyinza kubaziyiza, kubanga mujja
kuba nga mulwanyisa Katonda." Ne bamuwulira.

[40] Abatume ne bayitibwa, bwe baamala okukubibwa ne balabulwa
obutaddayo kwogera mu linnya lya Yesu, ne babata.
[41] Abatume ne bava mu Lukiiko nga basanyuka kubanga baasaanyiz-
ibwa okukwatibwa ensonyi n'okubonaabona olw'Erinnya.
[42] Awo ne bayigirizanga mu Yeekaalu buli lunaku ne mu maka g'abantu,
nga babuulira Yesu.

## 6

[1] Awo mu biseera ebyo abakkiriza bwe baagenda beeyongera obungi,
ne wabaawo okwemulugunya mu Bakerenisiti ku Baebbulaniya nti
bannamwandu baabwe basosolwa, ne bataweebwa kyenkanyi.
[2] Awo ekkumi n'ababiri ne bakuŋŋaanya ekibiina ky'abayigirizwa, ne
babagamba nti, "Kirungi ebiseera byaffe tubimalire ku kubuulira Njiri, so
si mu kugabanya mmere.
[3] Noolwekyo, abooluganda, mwerondemu abasajja musanvu, abasiim-
ibwa abantu, ng'abantu b'amagezi, era abajjudde Mwoyo Mutukuvu,
tubakwase omulimu ogwo.
[4] Ffe tulyoke twemalire ku kusaba, n'okubuulira n'okuyigiriza."
[5] Ebigambo ebyo byonna abaakuŋŋaana ne babisiima. Ne balonda
Suteefano, omusajja eyali ajjudde okukkiriza ne Mwoyo Mutukuvu, ne
Firipo, ne Pulokolo, ne Nikanoli, ne Timooni, ne Pammena, ne Nikolaawo
eyava mu Antiyokiya,
[6] ne babanjula eri abatume. Abatume ne babasabira, ne babasaako
emikono.
[7] Awo ekigambo kya Katonda ne kyeyongera okubuna n'omuwendo
gw'abayigirizwa ne gweyongera obunene mu Yerusaalemi; era ne bak-
abona, ekibiina kinene, ne beewaayo okukkiriza.

### *Okukwatibwa kwa Suteefano*

[8] Suteefano, ng'ajjudde ekisa kya Katonda n'amaanyi, n'akolanga
ebyamagero bingi n'obubonero mu bantu.
[9] Naye abamu ku b'omu kuŋŋaaniro abeeyitanga Abalibettino,
n'Abakuleene n'Abalegezanderiya, n'Abakirukiya n'Abasiya, ne
bawakana ne Suteefano.
[10] Kyokka tebaasobola kuwakanya magezi n'Omwoyo bye yayogeza.
[11] Kyebaava baweerera abantu nga bagamba nti twamuwulira
ng'ayogera ebigambo ebivvoola Musa ne Katonda.
[12] Abantu n'abakulembeze b'Abayudaaya n'abannyonnyozi b'amateeka
ne banyiiga nnyo. Ne bakwata Suteefano ne bamuleeta mu Lukiiko
Olukulu.
[13] Abajulizi ab'obulimba ne boogera nti, "Omuntu ono buli kiseera
avvoola ekifo kino ekitukuvu n'amateeka.
[14] Era twamuwulira ng'agamba nti Yesu ono Omunnazaaleesi agenda
kuzikiriza ekifo kino n'obulombolombo bwonna Musa bwe yatulekera
abukyuse."
[15] Ab'Olukiiko bwe baamwekaliriza amaaso, ne balaba amaaso ge
ng'amasamasa ng'aga malayika!

## 7

### *Okwogera kwa Suteefano mu Lukiiko*

[1] Awo Kabona Asinga Obukulu n'abuuza Suteefano nti, "Ebyo bwe biri
bwe bityo?"

2 Suteefano n’addamu nti, “Baganda bange ne bakadde bange, mumpul-
irize! Katonda ow’ekitiibwa yalabikira jjajjaffe Ibulayimu ng’akyali mu
Mesopotamiya, nga tannaba kulaga mu Kalani.
3 N’amugamba nti, ‘Vva mu nsi yannyo ne mu bantu bo, ogende mu nsi
gye ndikulaga.’
4 “Bw’atyo n’ava mu nsi y’Abakuludaaya n’abeera mu Kalani, okutuusa
kitaawe bwe yafa. Awo Katonda n’amuleeta wano mu nsi eno mwe tuli
kaakano.
5 Naye n’atamuwaako ttaka lirye newaakubadde awalinnyibwa ekigere.
Kyokka n’asuubiza okugimuwa okugirya, ye n’ezzadde lye oluvannyuma
lwe, newaakubadde nga mu kiseera ekyo Ibulayimu teyalina mwana!
6 Katonda n’amugamba nti ezzadde lye, baliba bagenyi mu nsi y’abalala,
era balibafuula abaddu, ne babayisa bubi okumala emyaka ebikumi bina.
7 Era Katonda n’agamba nti, ‘Ndibonereza eggwanga eryo eriribafuula
abaddu, n’oluvannyuma balivaayo ne bansinziza mu kifo kino.’
8 Era n’amuwa okukomolebwa ng’akabonero ak’endagaano. Awo
lbulayimu n’azaala lsaaka, n’amukomola ng’awezezza ennaku munaana
ez’obukulu. Isaaka n’azaala Yakobo, ne Yakobo n’azaala bajjajjaffe ekkumi
n’ababiri.
9 “Bajjajja abo ne bakwatirwa Yusufu obuggya, ne bamutunda mu Misiri.
Naye Katonda yali naye,
10 n’amuwonya mu kubonaabona kwonna era n’amuwa ekisa n’amagezi
mu maaso ga Falaawo, ye kabaka w’e Misiri. Falaawo n’amuwa okufuga
Misiri yonna era n’amukwasa okulabirira byonna ebifa mu lubiri lwe.
11 “Awo enjala n’egwa mu Misiri yonna ne mu nsi ya Kanani,
n’ereetera bajjajjaffe okubonaabona ennyo kubanga baali tebalina we
baggya mmere.
12 Yakobo bwe yawulira nga mu Misiri eriyo eŋŋaano n’atumayo
bajjajjaffe, omulundi gwabwe ogwasooka.
13 Ku mulundi ogwokubiri Yusufu ne yeeyanjulira baganda be era
n’ayanjulira Falaawo baganda be.
14 Bw’atyo Yusufu n’atumya kitaawe, Yakobo, era n’ab’ennyumba ya
kitaawe bonna be bantu nsanvu mu bataano.
15 Bw’atyo Yakobo n’ajja e Misiri era n’afiira eyo ne bajjajjaffe.
16 Oluvannyuma baaleetebwa e Sekemu mu ntaana Ibulayimu gye yali
aguze omuwendo gw’effeeza, ku batabani ba Kamoli mu Sekemu.
17 “Ekiseera ky’ekisuubizo bwe kyagenda kisembera, Katonda kye
yasuubiza Ibulayimu, abantu ne beeyongera ne baala mu Misiri.
18 Awo kabaka omulala eyali tamanyi Yusufu n’atandika okufuga Misiri.
19 Kabaka oyo n’asalira eggwanga lyaffe amagezi, n’abonyaabonya
bajjajjaffe, ng’abasuuza abaana baabwe abawere baleme okuba abalamu.
20 “Mu biseera ebyo ne Musa n’azaalibwa, n’ayagalwa nnyo Katonda.
Bakadde be ne bamulabirira mu nnyumba yaabwe okumala emyezi esatu.
21 Bwe yalekebwa mu mugga, muwala wa Falaawo n’amulonda
n’amutwala n’amulera nga mutabani we.
22 Musa n’ayigirizibwa mu magezi gonna ag’Abamisiri, n’akula nga
w’amaanyi mu bigambo ne mu bikolwa.
23 “Awo Musa bwe yali awezezza emyaka amakumi ana, n’asalawo mu
mutima gwe okukyalirako baganda be, abaana ba Isirayiri.
24 N’alaba Omuyisirayiri ng’anyigirizibwa, n’amutaasa, n’atta Omu-
misiri ng’awoolera eggwanga olw’oyo eyali anyigirizibwa.

25 Musa n'alowooza nti baganda be banaategeera nga Katonda amu-
tumye okubalokola, naye ne batakitegeera.
26 Olunaku olwaddirira n'alaba abalwana. N'agezaako okubatabaganya
ng'abagamba nti, 'Abasajja lwaki mulwana nga muli baaluganda?'
27 "Naye oli eyali ayiikiriza munne n'asindika eri Musa ng'agamba nti,
'Ani eyakufuula omufuzi waffe era omulamuzi waffe?
28 Oyagala kunzita nga bwe watta Omumisiri jjo?'
29 Musa bwe yawulira ebyo, n'adduka n'agenda abeera mugenyi mu nsi
ya Midiyaani, era eyo n'azaalirayo abaana aboobulenzi babiri.
30 "Awo nga wayiseewo emyaka amakumi ana, Musa bwe yali ng'ali
mu ddungu ly'olusozi Sinaayi, malayika n'amulabikira mu muliro ogwaka,
wakati mu kisaka.
31 Musa bwe yakiraba ne yeewuunya. N'agenda ng'asemberera ekisaka
yeetegereze, eddoboozi lya Mukama ne limugamba nti,
32 'Nze Katonda wa bajjajja bo, Katonda wa Ibulayimu, ne Isaaka ne
Yakobo.' Musa n'akankana, era n'atasobola na kwongera kutunulayo.
33 "Awo Mukama n'agamba Musa nti, 'Gyamu engatto zo, kubanga ekifo
w'oyimiridde kitukuvu.
34 Ndabye okubonaabona kw'abantu bange mu Misiri, ne mpulira
n'okusinda kwabwe. Kyenvudde nzika okubalokola. Kaakano jjangu,
nkutume e Misiri.'
35 "Oyo Musa gwe baagaana nga bagamba nti, 'Ani eyakufuula omufuzi
era omulamuzi waffe?' Oyo Katonda gwe yatuma ng'ayita mu malayika
eyamulabikira mu kisaka eky'omuliro, abeere omufuzi waabwe era
omununuzi waabwe.
36 Oyo n'abaggyayo ng'amaze okukola ebyamagero n'ebyewuunyisa, mu
nsi y'e Misiri, n'abayisa mu Nnyanja Emyufu*, n'abatambuza mu ddungu
okumala emyaka amakumi ana.
37 "Oyo ye Musa eyategeeza abaana ba Isirayiri nti, 'Katonda agenda
kubayimusiza Nnabbi ng'amuggya mu baganda bammwe nga nze.'
38 Era Musa oyo ye yali ne bajjajjaffe mu ddungu nga bakuŋŋaanye
nga malayika ayogera naye ku lusozi Sinaayi, era yaweebwa ebigambo
eby'obulamu okubitutuusaako.
39 "Naye bajjajjaffe baagaana okumugondera, ne bamujeemera, era mu
mitima gyabwe ne baddayo e Misiri.
40 Ne bagamba Alooni nti, 'Tukolere bakatonda abanaatukulembera,
kubanga ono Musa eyatuggya mu nsi y'e Misiri tetumanyi kyabadde.'
41 Mu nnaku ezo, ne beekolera ennyana, ne bawaayo ssaddaaka eri
ekifaananyi, ne basanyukira ekyo kye beekoledde n'emikono gyabwe.
42 Awo Katonda n'abavaako, n'abawaayo okusinzanga eggye ery'omu
ggulu, nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kya bannabbi nti,
" 'Mwandeeteranga ssaddaaka n'ebiweebwayo mu ddungu emyaka gy-
onna amakumi ana,
ggw'ennyumba ya Isirayiri?
43 Muzimbye essabo lya Moloki,
ne mugulumiza emmunyeenye ya katonda wammwe Lefani,
nga be bakatonda abalala be mwekolera mubasinze.
Kyendiva mbawaŋŋangusa' okusukka Babulooni.

* **7:36** ye Nnyanja ey'Ebitoogo

44 “Bajjajjaffe baatambula mu ddungu nga beetisse Eweema
ey’Endagaano, eyakolebwa nga Katonda bwe yalagirira Musa ng’efaanana
nga bwe yagimulaga.
45 Bajjajjaffe bajja bagisituzza abaana baabwe, okutuusa Yoswa lwe yajja
nayo okulya ensi y’abamawanga Katonda be yagobanga mu maaso ga
bajjajjaffe. Eweema n’ebeerawo okutuusa ku mirembe gya Dawudi.
46 Dawudi n’asiimibwa Katonda, era n’asaba azimbire Katonda wa
Yakobo ennyumba.
47 Naye Sulemaani ye yagizimba.
48 “Naye oyo Ali Waggulu Ennyo tabeera mu nnyumba zizimbiddwa
bantu. Nga nnabbi bw’agamba nti,
49 “ ‘Eggulu y’entebe yange ey’obwakabaka.
N’ensi ke katebe kwe nteeka ebigere byange.
Mukama n’agamba nti,
Ononzimbira nnyumba ya ngeri ki?
Oba kifo ki mwe ndiwummulira?
50 Omukono gwange si gwe gwakola ebyo byonna!’
51 “Mmwe abalina ensingo enkakanyavu, abatakomolebwanga mu
mutima wadde amatu, muwakanya Mwoyo Mutukuvu bulijjo; era bajjaj-
jammwe nga bwe baali, nammwe bwe mutyo bwe muli.
52 Nnabbi ki bajjajjammwe gwe bataayigganya? Batta n’abo abaalan-
girira okujja kw’Omutuukirivu, gwe mwalyamu olukwe ne mumutta.
53 Mmwe mwaweebwa amateeka nga bwe gaalagirwa bamalayika naye
ne mutagagondera.”

### *Suteefano Akubwa Amayinja*

54 Awo abakulembeze b’Abayudaaya bwe baawulira ebigambo ebyo by-
onna Suteefano bye yayogera, ne bajjula obusungu bungi ne bamulumira
obujiji.
55 Naye Suteefano ng’ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n’atunuulira eggulu
enkaliriza, n’alaba ekitiibwa kya Katonda, ne Yesu ng’ayimiridde ku
mukono gwa Katonda ogwa ddyo.
56 N’abagamba nti, “Laba, ndaba eggulu nga libikkuse, nga n’Omwana
w’Omuntu ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.”
57 Ne baleekaanira waggulu nga bazibikidde amatu gaabwe ne bamweyi-
wako.
58 Ne bamusindiikiriza ebweru w’ekibuga, ne bamukuba amayinja.
Abaamukuba ne bassa eminagiro gyabwe ku bigere by’omuvubuka
erinnya lye Sawulo.
59 Awo bwe baali bakuba Suteefano amayinja, n’akoowoola Katonda
ng’agamba nti, “Mukama wange Yesu, twala omwoyo gwange.”
60 N’agwa wansi ku maviivi n’akaaba mu ddoboozi ery’omwanguka nti,
“Mukama wange, tobavunaana olw’ekibi kino.” Bwe yamala okwogera
ekyo, n’afa.

## 8

### *Ekkanisa Eyigganyizibwa*

1 Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku
lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n’amaanyi mangi nnyo
mu Yerusaalemi.
Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya
ne mu Samaliya.

2 Abantu ba Katonda ne baggyawo Suteefano ne bamutwala ne bamuziika mu kwaziirana okungi.
3 Naye Sawulo n'akolerera okuzikiriza Ekkanisa; n'agenda buli wantu ng'akwata abasajja n'abakazi n'abatwala mu kkomera.

### *Firipo Abuulira mu Samaliya*

4 Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu.
5 Awo Firipo, n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya n'abuulira abantu Enjiri ya Kristo.
6 Ebibiina ne bimuwuliriza nnyo kubanga abantu bonna baalaba ebyamagero bye yakola.
7 Baddayimooni bangi ne bava ku bantu nga bwe baleekaana; abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa;
8 ekibuga ne kijjula essanyu.

### *Simooni Omufumu*

9 Waaliwo omusajja erinnya lye Simooni eyali omufumu omwatiikirivu mu kibuga omwo era nga yeewuunyisa nnyo abantu bonna mu Samaliya. Yeeyogerangako nti muntu mukulu era wa kitiibwa.
10 Era abantu bangi ab'ekitiibwa n'abatali ba kitiibwa baamwogerangako nti, “Omusajja oyo ge maanyi ga Katonda agayitibwa, ‘Amangi.’ ”
11 Ne bamussangako nnyo omwoyo olw'ebyobufuusa bye yakolanga.
12 Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa.
13 Awo ne Simooni yennyini n'akkiriza era n'abatizibwa, n'agobereranga Firipo buli gye yalaganga; era ebyamagero Firipo bye yakolanga, Simooni n'abyewuunya nnyo.
14 Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana.
15 Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bano abaggya bafune Mwoyo Mutukuvu,
16 kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatizibbwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka.
17 Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo, ne bafuna Mwoyo Mutukuvu.
18 Simooni, Omufumu, bwe yalaba ng'abantu bafunye Mwoyo Mutukuvu olw'abatume okubassaako emikono kyokka, kyeyava atoola ensimbi aziwe abatume bamuguze obuyinza obwo.
19 N'abagamba nti, “Mumpe obuyinza obwo, buli gwe nnassangako emikono gyange afune Mwoyo Mutukuvu!”
20 Naye Peetero n'amugamba nti, “Ensimbi zo zizikirire naawe olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi.
21 Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda.
22 Noolwekyo weenenye ekikolwa ekyo ekibi weegayirire Mukama, oboolyawo Katonda ayinza okukusonyiwa ebirowoozo byo ebyo ebibi.
23 Kubanga ndaba nga mu mutima gwo mujjudde obuggya, era oli muddu wa kibi.”

24 Simooni n’abeegayirira nti, “Munsabire eri Mukama ebintu ebyo bye
mwogedde bireme okuntuukako.”
25 Awo Peetero ne Yokaana bwe baamala okubuulira ekigambo kya
Katonda n’obuvumu, ne basitula okuddayo mu Yerusaalemi, nga bagenda
babuulira Enjiri mu bibuga bingi bye baayitangamu mu Samaliya.

### *Firipo n’Omwesiyopya*

26 Awo malayika wa Mukama n’agamba Firipo nti, “Kwata ekkubo
eriraga mu bukiikaddyo, eriva e Yerusaalemi nga liyita mu ddungu
okugenda e Ggaaza.”
27 Firipo n’akwata ekkubo eryo. Mu kiseera ekyo waaliwo omusajja
Omwesiyopya mu kkubo eryo ng’ava mu kusinza e Yerusaalemi. Yali
mulaawe nga mukungu mu lubiri lwa Kandake, kabaka omukazi owa
Esiyopya, era ye yali omuwanika we omukulu.
28 Yali atudde mu ggaali lye ng’addayo ewaabwe nga bw’asoma ekitabo
kya nnabbi Isaaya.
29 Awo Mwoyo Mutukuvu n’agamba Firipo nti, “Semberera eggaali eryo
oligendereko.”
30 Firipo n’adduka n’atuuka ku ggaali, n’awulira Omwesiyopya
ng’asoma mu kitabo kya nnabbi Isaaya. N’amubuuza nti, “By’osoma
obitegeera?”
31 Omwesiyopya n’addamu nti, “Nnaabitegeera ntya nga sirina abin-
nyinnyonnyola?” N’asaba Firipo ayingire mu ggaali lye batuule bombi.
32 Ekyawandiikibwa kye yali asoma nga kigamba bwe kiti nti:
“Yatwalibwa ng’endiga egenda okuttibwa.
Ng’omwana gw’endiga bwe gusiriikirira nga bagusalako ebyoya,
naye bw’atyo teyayasamya kamwa ke.
33 Yajoogebwa n’atalamulwa mu bwenkanya.
Ani alyogera ku bazzukulu be?
Kubanga ekiseera kye eky’obulamu bwe ku nsi kyakoma!”
34 Omulaawe kwe kubuuza Firipo nti, “Nnyinnyonnyola, munnange,
nnabbi gw’ayogerako; yeeyogerako yekka oba ayogera ku mulala?”
35 Awo Firipo n’atandika n’Ekyawandiikibwa ekyo n’amubuulira Enjiri
ya Yesu Kristo.
36 Bwe baali bagenda ne batuuka awali amazzi, omulaawe n’agamba nti,
“Laba amazzi! Kale lwaki sibatizibwa?”
37 Awo Firipo n’amugamba nti, “Oyinza okubatizibwa, bw’oba
ng’okkiriza n’omutima gwo gwonna.” Omulaawe n’addamu nti, “Nziki-
riza nga Yesu Kristo Mwana wa Katonda.”
38 Awo n’alagira omugoba w’eggaali lye okuyimirira, ne bakka mu
mazzi, Firipo n’amubatiza.
39 Bwe baava mu mazzi amangwago Omwoyo wa Mukama n’atwala
Firipo, Omulaawe n’ataddayo kumulaba nate, naye n’atambula olugendo
lwe ng’ajjudde essanyu.
40 Naye Firipo n’alabikira mu Azoto, n’agenda ng’abuulira Enjiri mu
bibuga byonna eby’omu kitundu ekyo okutuukira ddala e Kayisaliya.

# 9

### *Okukyuka kwa Sawulo*

1 Mu kiseera ekyo Sawulo yali aswakidde ng’ayigganya abayigirizwa ba
Mukama waffe ng’abatiisatiisa okwagala okubatta, n’atuukirira Kabona
Asinga Obukulu,

2 n’amusaba awandiikire ab’omu makuŋŋaaniro ag’omu Damasiko ebbaluwa, ng’ebasaba bakolagane naye mu kuyigganya abakkiriza bonna abasajja n’abakazi b’alisanga eyo, abasibe mu njegere, alyoke abaleete e Yerusaalemi.
3 Awo Sawulo bwe yali atambula ng’anaatera okutuuka e Damasiko, amangwago ekitangaala eky’amaanyi ennyo okuva mu ggulu ne kimwakako okumwetooloola.
4 N’agwa wansi, n’awulira eddoboozi nga limugamba nti, “Sawulo! Sawulo! Onjigganyiza ki?”

5 Sawulo n’abuuza nti, “Ggwe ani, Mukama wange?”

Eddoboozi ne limuddamu nti, “Nze Yesu gw’oyigganya!

6 Kale yimuka ogende mu kibuga onootegeezebwa ky’osaanidde okukola.”

7 Abasajja abaali ne Sawulo ne bayimirira nga basobeddwa n’ekyokwogera nga kibabuze kubanga baawulira eddoboozi ng’ery’omuntu naye nga tebalaba ayogera.
8 Sawulo bwe yayimuka wansi n’agezaako okutunula naye ng’amaaso ge tegalaba. Era baamukwata bukwasi ku mukono okumuyingiza mu Damasiko.
9 N’amalayo ennaku ssatu nga talaba era nga talya mmere wadde okunywa amazzi okumala ebbanga eryo lyonna.

10 Mu Damasiko mwalimu omuyigirizwa ng’ayitibwa Ananiya. Mukama n’ayogera naye mu kwolesebwa n’amuyita nti, “Ananiya!”
N’addamu nti, “Nze nzuuno, Mukama wange.”

11 Mukama n’amugamba nti, “Genda ku luguudo oluyitibwa Olutereevu, onoonye ennyumba y’omuntu omu erinnya lye Yuda, omubuuze Sawulo ow’e Taluso. Ali eyo kaakano ng’asaba, kubanga

12 mmulaze mu kwolesebwa omuntu ayitibwa Ananiya ng’ajja gy’ali era ng’amussaako emikono okumusabira amaaso ge galabe.”

13 Ananiya n’agamba nti, “Naye Mukama wange, nga mpulidde ebintu ebitali birungi bingi nnyo omuntu oyo by’akoze abakkiriza abali mu Yerusaalemi.
14 Era tuwulira nti yafuna n’ebbaluwa okuva eri Kabona Asinga Obukulu, ng’emuwa obuyinza okukwata buli mukkiriza yenna ali mu Damasiko!”
15 Naye Mukama n’amugamba nti, “Ggwe genda okole kye ŋŋambye. Kubanga Sawulo mmulonze okutwala erinnya lyange eri Abaamawanga ne bakabaka, era n’eri abaana ba Isirayiri.”

16 Era nnaamulaga nga bw’ateekwa okubonaabona ku lw’erinnya lyange.

17 Bw’atyo Ananiya n’agenda n’ayingira mu nnyumba Sawulo mwe yali n’amussaako emikono n’amugamba nti, “Owooluganda Sawulo, Mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo ng’ojja antumye gy’oli, oddemu okulaba era ojjuzibwe Mwoyo Mutukuvu.”

18 Amangwago ebintu ebyali ng’amagamba ne bigwa okuva ku maaso ga Sawulo n’asobola okulaba, n’ayimirira n’abatizibwa.
19 N’alya emmere n’afuna amaanyi. N’abeera wamu n’abakkiriza mu Damasiko okumala ennaku eziwerako.
20 Amangwago Sawulo n’atandika okubuulira mu makuŋŋaaniro ku Yesu nti Yesu Mwana wa Katonda.
21 Bonna abaamuwulira ne beewuunya, ne beebuuza nti, “Si y’ono eyayigganyanga ennyo abagoberezi ba Yesu mu Yerusaalemi? Ate

twawulira nga yeesonga eyamuleeta abakwate abatwale eri bakabona abakulu.”
22 Sawulo ne yeeyongera okubuulira n’amaanyi n’asirisa Abayudaaya abaali mu Damasiko ng’akakasa nti Yesu ye Kristo.
23 Bwe waayitawo ebbanga, abakulembeze b’Abayudaaya ne basala olukwe okumutta.
24 Sawulo n’abaako amubuulira ku lukwe lwabwe nga bwe baali bamuteega ku miryango gy’ekibuga emisana n’ekiro bamutemule.
25 Awo abayigirizwa ne bamufulumya ebweru w’ekibuga mu kiro nga bamuyisa mu bbugwe, nga bamusizza mu kisero.
26 Bwe yatuuka e Yerusaalemi n’agezaako okwegatta ku bayigirizwa naye bonna nga bamutya, nga tebakkiriza nti mukkiriza.
27 Naye Balunabba n’amuleeta eri abatume n’abategeeza nga Sawulo bwe yalaba Mukama mu kkubo era n’ayogera nga bwe yabuulira n’obuvumu mu Damasiko mu linnya lya Yesu.
28 Ne balyoka bamukkiriza n’abeeranga nabo, n’ayitanga nabo era ng’alya nabo mu Yerusaalemi. N’abuuliranga n’obuvumu erinnya lya Mukama waffe.
29 Naye ne wabaawo okuwakana n’okukubaganya ebirowoozo wakati we n’Abakerenisiti, ne bagezaako okumutta.
30 Kyokka abooluganda bwe baawulira nga Sawulo ali mu kabi bwe katyo ne bamutwala e Kayisaliya ne bamuweereza e Taluso.
31 Mu kiseera ekyo Ekkanisa n’eba n’emirembe mu Buyudaaya, ne mu Ggaliraaya ne mu Samaliya; ne yeeyongera mu maanyi ne mu muwendo gw’abantu abakkiriza. Ne bayiga okutya Mukama, era Mwoyo Mutukuvu n’abasanyusanga.

### *Ayineya ne Doluka*

32 Peetero n’atambulanga mu bifo bingi; era bwe yali ng’atambula n’asanga abakkiriza mu kibuga ekiyitibwa Luda.
33 Eyo yasangayo omuntu erinnya lye Ayineya eyali akoozimbye ng’amaze ku kitanda emyaka munaana nga mulwadde.
34 Peetero n’amugamba nti, “Ayineya! Yesu Kristo akuwonya. Golokoka weeyalire!” Amangwago n’awonyezebwa.
35 Awo abantu bonna abaabeeranga mu Luda ne mu Saloni ne bakyukira Mukama, bwe baalaba nga Ayineya atambula.
36 Mu kibuga Yopa mwalimu omuyigirizwa ayitibwa Tabbiisa, mu Luyonaani ng’ayitibwa Doluka. Yali mukkiriza, bulijjo eyakoleranga abalala ebyekisa n’okusingira ddala abaavu.
37 Mu kiseera ekyo n’alwala nnyo era n’afa. Ne bateekateeka omulambo gwe ne bagugalamiza mu kisenge ekya waggulu.
38 Naye bwe baawulira nga Peetero ali kumpi awo mu kibuga Luda ne bamutumira abasajja babiri ne bamwegayirira ajje e Yopa.
39 N’akkiriza. Amangu ddala nga yaakatuuka ne bamutwala mu kisenge ekya waggulu omulambo gwa Doluka gye gwali gugalamizibbwa. Ekisenge kyali kijjudde bannamwandu abaali bakaaba nga bwe balagaŋŋana ebyambalo Doluka bye yali abakoledde.
40 Peetero n’abasaba bonna bafulume, n’afukamira n’asaba. N’akyukira omulambo n’ayogera nti, “Tabbiisa golokoka.” Tabbiisa n’azibula amaaso, era bwe yalaba Peetero n’atuula.
41 Peetero n’amukwata ku mukono amuyambe okuyimuka, n’alyoka ayita abakkiriza ne bannamwandu, n’abamukwasa nga mulamu.

42 Amawulire ago ne gayitiŋŋana mu kibuga Yopa kyonna era bangi ne bakkiriza Mukama.
43 Peetero n'abeera e Yopa okumala ebbanga ddene, ng'asula ewa Simooni omuwazi w'amaliba.

# 10

*Koluneeriyo Atumya Peetero*

1 Awo mu kibuga Kayisaliya mwalimu omusajja omuserikale, erinnya lye Koluneeriyo, eyakuliranga ekitongole ky'abaserikale ekikumi ekyayitibwanga Ekitaliano.
2 Yali ayagala nnyo Katonda era ng'amusaamu nnyo ekitiibwa, ye n'ab'omu maka ge bonna, ng'agabira nnyo abaavu, era ng'asaba Katonda bulijjo.
3 Lwali lumu ku ssaawa nga mwenda ez'olweggulo, n'ayolesebwa, n'alabira ddala malayika wa Katonda ng'ajja gy'ali, n'amuyita nti, "Koluneeriyo!"
4 Koluneeriyo n'amutunuulira enkaliriza ng'atidde nnyo. N'amubuuza nti, "Mukama wange, ogamba ki?"
Malayika n'amuddamu nti, "Katonda awulidde okusaba kwo era alabye nga bw'ogabira abaavu bw'atyo n'akujjukira.
5 Kale nno, tuma basajja bo e Yopa bakimeyo omuntu erinnya lye Simooni era ayitibwa Peetero ajje akukyalire.
6 Abeera wa Simooni omuwazi w'amaliba, era enju ye eri ku lubalama lw'ennyanja."
7 Malayika yali yaakagenda, Koluneeriyo n'ayita abaweereza be babiri n'omuserikale atya Katonda, omu ku baweereza,
8 n'abannyonnyola byonna ebibaddewo, n'abatuma e Yopa.

*Peetero Alabikirwa*

9 Ku lunaku olwaddirira bwe baali basemberera ekibuga, essaawa zaali ziwera nga mukaaga ez'omu ttuntu, Peetero n'alinnya waggulu ku kasolya k'ennyumba akaali akatereevu, okusaba.
10 Yali ali eyo enjala n'emuluma, naye bwe baali bamuteekerateekera ekyokulya embeera ye n'ewaanyisibwa n'ayolesebwa.
11 N'alaba eggulu nga libikkuse, ekintu ekifaanana ng'essuuka ennene ennyo, nga kinywezebbwa ku nsonda zaakyo ennya, nga kikka wansi ku ttaka.
12 Kyalimu ebisolo ebirina amagulu ana byonna, n'ebyewalula byonna eby'oku nsi n'ennyonyi zonna ez'omu bbanga.
13 Awo n'awulira eddoboozi nga ligamba nti, "Peetero, situka osale, olye!"
14 Peetero n'addamu nti, "Nedda, Mukama wange, kubanga siryanga ku kintu kya muzizo oba ekitali kirongoofu."
15 Eddoboozi ne liddamu okwogera naye omulundi ogwokubiri nti, "Ekyo Katonda ky'amaze okulongoosa tokiyitanga ekitali kirongoofu."
16 Ne kiba bwe kityo emirundi esatu, amangwago ekintu ekyo ekiri ng'essuuka ne kizzibwayo mu ggulu.
17 Peetero n'abeera awo ng'asamaaliridde. Ne yeebuuza amakulu g'okwolesebwa okwo, ne yeebuuza ne ky'asaana okukola, byonna nga bimusobedde. Mu kiseera ekyo ababaka abaatumibwa Koluneeriyo, ennyumba baali baakagizuula era nga bayimiridde wabweru ku luggi
18 nga babuuza obanga awo Simooni ayitibwa Peetero we yabeeranga.

19 Awo Peetero bwe yali ng'akyebuuza eby'okwolesebwa okwo, Mwoyo Mutukuvu n'amugamba nti, “Laba, abasajja basatu bakunoonya.
20 Situka okke wansi ogende nabo awatali kulwa kubanga nze mbatumye.”
21 Bw'atyo Peetero n'akka wansi, n'agamba abasajja abaatumibwa nti, “Ye nze gwe munoonya. Kiki ekibaleese?”
22 Ne bamuddamu nti, “Koluneeriyo omukulu w'ekitongole y'atutumye. Musajja mwegendereza, atya Katonda era Abayudaaya bonna bamussaamu ekitiibwa. Yalabikirwa malayika wa Katonda n'amugamba akuyite ojje mu nnyumba ye omutegeeze Katonda by'ayagala akole.”
23 Awo Peetero n'abayingiza mu nnyumba ne basulawo ekiro ekyo. Enkeera n'agenda n'abo ng'awerekerwako abooluganda abamu ab'omu Yopa.

### *Peetero mu Maka ga Koluneeriyo*

24 Ku lunaku olwaddirira Peetero n'atuuka e Kayisaliya. Yasanga Koluneeriyo amulindiridde, ng'ali ne baganda be ne mikwano gye be yayita balabe Peetero.
25 Peetero bwe yayingira mu nnyumba, Koluneeriyo n'agwa wansi mu maaso ge n'amusinza.
26 Naye Peetero n'amuyimusa n'amugamba nti, “Golokoka! Nange ndi muntu buntu.”
27 N'agolokoka ne boogeramu, ne bayingira munda mu kisenge abalala bangi mwe baali bakuŋŋaanidde.
28 Awo Peetero n'abagamba nti, “Mumanyi nga mu mateeka gaffe ag'Ekiyudaaya, ffe tetuyingira mu maka g'Abamawanga. Naye Katonda yandaze mu kwolesebwa nga sisaanira kuddayo kuyisa muntu yenna ng'atali mulongoofu.
29 Noolwekyo olwantumira nange ne nsitukiramu. Kale, ompitidde nsonga ki?”
30 Awo Koluneeriyo n'addamu nti, “Ennaku nnya eziyise, nnali mu nnyumba yange nga nsaba mu ssaawa nga bwe ziti omwenda ez'olweggulo. Amangwago omusajja n'ayimirira mu maaso gange ng'ayambadde engoye ezitemagana.
31 N'aŋŋamba nti, ‘Koluneeriyo, Katonda awulidde okusaba kwo, era ajjukidde ebirabo byo by'ogabira abaavu.
32 Kale nno, tuma e Yopa, oyite Simooni ayitibwa Peetero, eyakyala mu maka ga Simooni omuwazi w'amaliba ali ku lubalama lw'ennyanja.'
33 Bwe ntyo ne nkutumira mangu, era naawe n'okola bulungi n'ojjirawo. Kaakano ffenna tuli wano mu maaso ga Katonda nga tulindirira okuwulira ky'akutumye okutubuulira!”
34 Awo Peetero n'agamba nti, “Kaakano ntegeeredde ddala nga Katonda tasosola mu bantu,
35 wabula ayaniriza abantu bonna ab'omu mawanga gonna kasita baba nga bamutya era nga bakola by'asiima.
36 Kino kye kigambo kye yaweereza abaana ba Isirayiri ng'ababuulira emirembe mu Yesu Kristo, Mukama wa bonna.
37 Mumanyi ebyabaawo mu Buyudaaya mwonna okusookera mu Ggaliraaya oluvannyuma lw'okubatizibwa Yokaana kwe yabuulira.
38 Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda

akola ebirungi, ng’awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye.

39 “Ffe bajulirwa ab’ebyo byonna bye yakola mu nsi y’Abayudaaya ne mu Yerusaalemi, gye yattirwa ku musaalaba.

40 Oyo Katonda yamuzuukiza ku lunaku olwokusatu era n’amulaga eri abantu.

41 Teyalabibwa bantu bonna, wabula abajulirwa Katonda be yali amaze okulonda, be baffe abaalya naye, ne tunywa naye ng’amaze okuzuukira mu bafu.

42 N’atutuma okubuulira abantu Enjiri nga tujulira nti Yesu y’oyo, Katonda gwe yalonda okubeera omulamuzi w’abantu bonna, abalamu n’abafu.

43 Era ne bannabbi bonna bamuweera obujulirwa nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye.”

44 Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Mwoyo Mutukuvu n’akka ku abo bonna abali bawuliriza ekigambo!

45 Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewuunya nnyo okulaba ng’ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kifukibbwa ne ku baamawanga.

46 Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala nga batendereza Katonda.

Awo Peetero n’agamba nti,

47 “Waliwo ayinza okuziyiza abantu bano okubatizibwa n’amazzi abafunye Mwoyo Mutukuvu nga ffe bwe twamufuna?”

48 Bw’atyo n’alagira babatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo. Ne basaba Peetero agira abeera nabo okumala ennaku ntonotono.

# 11

*Peetero Annyonnyola*

1 Awo abatume n’abooluganda abaali mu Buyudaaya mwonna ne bawulira nti n’Abamawanga bakkiriza ekigambo kya Katonda.

2 Naye Peetero bwe yakomawo mu Yerusaalemi, abakomole ne bamunenya,

3 nga bagamba nti, “Lwaki wakyalira Abaamawanga abatali bakomole n’oyingira ne mu nnyumba n’olya nabo?”

4 Awo Peetero n’abannyonnyola byonna ng’agamba

5 nti, “Bwe nnali nsaba, nga ndi mu kibuga kya Yopa, ne njolesebwa. Essuuka ennene ennyo ng’ewaniriddwa ku nsonda zaayo ennya, n’essibwa mu maaso gange ng’eva mu ggulu.

6 Mu ssuuka eyo ne ndabamu ebisolo byonna eby’oku nsi ebirina amagulu ana, n’ebyewalula, n’ennyonyi ez’omu bbanga.

7 Ne mpulira eddoboozi nga liŋŋamba nti, ‘Peetero, situka osale, olye.’

8 “Nze ne nziramu nti, ‘Nedda, Mukama wange, kubanga siryanga ku kintu kya muzizo oba ekitali kirongoofu.’

9 “Naye eddoboozi ne liddamu nga liŋŋamba nti, ‘Ekyo Katonda ky’amaze okulongoosa tokiyitanga ekitali kirongoofu.’

10 Ne kiba bwe kityo emirundi esatu. Oluvannyuma essuuka n’ezzibwayo mu ggulu ne byonna ebyagirimu.

11 “Amangwago laba abasajja basatu abaatumibwa okuva e Kayisaliya ne batuuka ku nnyumba we nnali nsula!

12 Mwoyo Mutukuvu n'aŋŋamba ŋŋende nabo, awatali kulwa,
n'abooluganda bano omukaaga ne bamperekerako, ne tutuuka mu maka
g'omusajja eyali antumidde ababaka abo.
13 N'atutegeeza nga malayika bwe yamulabikira mu nnyumba ye,
n'amugamba nti, 'Tuma ababaka e Yopa banoonye Simooni ayitibwa
Peetero,
14 ajje akutegeeze ggwe n'ab'omu nnyumba yo nga bwe muyinza
okulokolebwa!'
15 "Awo bwe nnali nga nakatandika okubabuulira Enjiri, Mwoyo
Mutukuvu n'abakkako nga naffe bwe yatukkako ku kusookera ddala!
16 Awo ne nzijukira ebigambo bya Mukama waffe bwe yagamba nti,
'Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo
Mutukuvu.'
17 Olw'okubanga Katonda ye yawa Abaamawanga bano ekirabo kye
kimu, naffe kye yatuwa bwe twakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, nange
nze ani eyandiwakanyizza Katonda?"
18 Bwe baawulira ebigambo ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda!
Ne bagamba nti, "Ddala, n'Abamawanga Katonda abawadde omukisa
okwenenya bakyuke badde gy'ali abawe obulamu obutaggwaawo."

### *Ekkanisa mu Antiyokiya*

19 Awo abo abakkiriza abadduka okuva mu Yerusaalemi mu kuyiggany-
izibwa okwaddirira okuttibwa kwa Suteefano, ne basaasaana ne batuuka
ne mu bifo nga Foyiniiki, ne Kupulo, ne Antiyokiya, ne babunya Enjiri,
naye nga babuulira Bayudaaya bokka.
20 Naye, abamu ku bakkiriza abaagenda mu Antiyokiya nga bava e
Kupulo n'e Kuleene ne babuulira Abayonaani ku Mukama waffe Yesu.
21 Awo omukono gwa Mukama ne gubeera wamu nabo, Abaamawanga
bangi ne bakkiriza ne bakyuka okudda eri Mukama.
22 Awo ab'omu Kkanisa y'omu Yerusaalemi bwe baawulira ebyo, ne
batuma Balunabba mu Antiyokiya ayambe abakkiriza.
23 Bwe yatuuka n'alaba eby'ekitalo Katonda bye yali akola mu
bantu, n'ajjula essanyu, n'akubiriza abakkiriza banywerere ku Mukama
n'emitima gyabwe gyonna.
24 Balunabba yali muntu wa kisa ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu
n'okukkiriza, abantu bangi ne basenga Mukama.
25 Oluvannyuma lw'ebyo Balunabba n'alaga e Taluso okunoonya
Sawulo,
26 bwe yamulaba n'amuleeta mu Antiyokiya. Bombi ne babeera mu
Antiyokiya okumala omwaka mulamba nga bakolera wamu n'Ekkanisa
yaayo, ne bayigiriza abantu bangi nnyo. Wano mu Antiyokiya abayigi-
rizwa we baasookera okuyitibwa Abakristaayo.

### *Balunabba ne Sawulo Batumibwa mu Yerusaalemi*

27 Mu kiseera ekyo ne wabaawo bannabbi abaaserengeta mu Antiyokiya
nga bava mu Yerusaalemi.
28 Omu ku bo erinnya lye Agabo n'asituka ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu
n'ategeeza ng'enjala ey'amaanyi bw'ejja okugwa mu nsi zonna wonna mu
bufuzi bwa Kulawudiyo.
29 Awo abayigirizwa ne bamalirira okuweereza obuyambi eri aboolu-
ganda abaali mu Buyudaaya, buli muntu nga yeesonda nga bwe yasobola,
30 ne batuma Balunabba ne Sawulo batwalire abakadde.

# 12

*Peetero Aggyibwa mu Kkomera*

1 Awo mu biro ebyo Kabaka Kerode n'atandika okuyigganya abamu ku
bakkiriza ab'omu Kkanisa.
2 N'atta Yakobo muganda wa Yokaana n'ekitala.
3 Bwe yalaba nga ky'akoze kisanyusizza Abayudaaya, n'akwata Peetero
mu kiseera eky'Embaga ey'Emigaati Egitazimbulukuswa
4 n'amusiba mu kkomera, ng'amutaddeko abaserikale abamukuuma
kkumi na mukaaga mu bibinja bina eby'abaserikale banabana. Kerode
yali ategese amuleete mu bantu, ng'Embaga y'Okuyitako ewedde.
5 Peetero n'akuumirwa mu kkomera, naye Ekkanisa n'enyiikira nnyo
okumusabira eri Katonda.
6 Ekiro ekyo, ng'enkeera Kerode ategese okuwaayo Peetero, Peetero yali
yeebase wakati w'abaserikale babiri, ng'asibiddwa n'enjegere bbiri, nga
ne ku mulyango gw'ekkomera kuliko abakuumi.
7 Laba malayika wa Mukama n'ayimirira awali Peetero, ekitangaala
ne kyaka mu kisenge, Malayika n'akuba ku Peetero mu mbiriizi
n'amuzuukusa ng'amugamba nti, "Yanguwa. Ggolokoka." Enjegere ne
ziva ku mikono gye ne zigwa wansi.
8 Malayika n'amugamba nti, "Weesibe olukoba lwo, oyambale n'engatto
zo." Peetero n'akola nga bw'agambiddwa. Malayika n'amugamba nti,
"Kale, yambala omunagiro gwo ongoberere."
9 Awo Peetero n'agoberera malayika. Naye ekiseera kino kyonna
ng'alowooza nti alabye kwolesebwa, nga tayinza kukitegeera nti byonna
ebyali bimutuukako mu kaseera ako byaliwo ddala.
10 Ne bayita ku bakuumi abasooka n'abookubiri ne batuuka ku luggi
olunene olw'ekyuma olufuluma mu kkomera nga luggukira mu kibuga.
Luno ne lweggulawo lwokka, ne bayitamu. Bwe baatambulako akabanga
mu luguudo mu kibuga, amangwago malayika n'amuleka.
11 Awo Peetero bwe yeddamu n'alyoka ategeera bwe bibadde, n'agamba
nti, "Ntegeeredde ddala nga Mukama yatumye malayika we n'anziggya mu
mukono gwa Kerode, era n'amponya n'eby'akabi byonna Abayudaaya bye
babadde bantegekedde."
12 Bwe yamala okukakasa ebyo munda ye, n'atambula n'alaga mu
maka ga Maliyamu nnyina wa Yokaana Makko, abantu bangi gye baali
bakuŋŋaanidde nga basaba.
13 Awo Peetero n'akonkona ku luggi olunene olw'ebweru, omuwala
omuweereza erinnya lye Looda n'ajja okuggulawo.
14 Naye bwe yategeera nga ddoboozi lya Peetero essanyu ne limuyitirira,
n'adduka buddusi nga n'oluggi taluggudeewo, n'ategeeza abaali mu nju
nti, "Peetero ali wabweru ku luggi!"
15 Naye abaali mu nju ne bamuddamu nti, "Oguddemu akazoole." Naye
ne yeyongera okulumiriza nti ky'agamba bwe kiri. Ne bagamba nti, "Oyo
malayika we."
16 Naye Peetero n'ayongera okukonkona. Oluvannyuma ne bagenda ne
baggulawo oluggi, ne bamulaba. Ne basamaalirira nnyo.
17 N'abakomako basirike, n'alyoka abategeeza byonna ebyamubaddeko,
nga Mukama bwe yamusumuludde mu kkomera. N'abagamba nti,
"Mutegeeze Yakobo n'abooluganda bino byonna ebibaddewo." Awo
n'afuluma n'alaga mu kifo ekirala.
18 Enkeera ekkomera ne lijjula akagugumuko ng'abaserikale beebuuza
nti, "Peetero abulidde wa?"

19 Awo Kerode bwe yamutumya ne basanga nga taliiyo, ne bamunoonya
n'ababula. Abaserikale bwe baamala okuwozesebwa n'alagira babafu-
lumye babatte.

### *Okufa kwa Kerode*

Oluvannyuma Kerode n'ava e Buyudaaya n'agenda abeera e Kayisaliya.
20 Kerode yali anyiigidde abantu b'e Ttuulo n'e Sidoni. Awo ne ba-
muweereza ababaka baabwe okujja okumulaba, ne bakwana omuwandiisi
we Bulasito, era n'abayamba okubatuusiza ensonga zaabwe ewa Kerode
nga bamusaba emirembe, kubanga emmere eyali eriisa ebibuga byabwe
byombi yali eva mu nsi ya kabaka.
21 Awo olunaku olwategekebwa bwe lwatuuka, Kerode n'ayambala
eminagiro gye egy'obwakabaka n'atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka,
n'ayogera eri ababaka n'abantu bonna.
22 Abantu bonna ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Lino
ddoboozi lya Katonda so si lya muntu!"
23 Amangwago malayika wa Mukama n'amubonereza, n'ajjula envunyu
yenna, ne zimulya n'afa, kubanga yakkiriza abantu ne bamusinza,
n'atawa Katonda kitiibwa.
24 Awo ekigambo kya Katonda ne kyeyongera okubuna wonna.

### *Balunabba ne Sawulo Baddayo mu Antiyokiya*

25 Balunabba ne Sawulo bwe baamala okutuukiriza ekyabaleeta mu
Yerusaalemi, ne baddayo ne Yokaana ayitibwa Makko.

## 13

### *Balunabba ne Sawulo Batumibwa*

1 Mu Kkanisa y'omu Antiyokiya mwalimu bannabbi n'abayigiriza bano:
Balunabba, ne Simooni, eyayitibwanga, "Omuddugavu" ne Lukiyo ow'e
Kuleene, ne Manaeni, eyakulira awamu ne kabaka Kerode, ne Sawulo.
2 Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mu-
tukuvu n'agamba nti, "Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu
gwe mbayitidde."
3 Awo bwe baamala okusaba n'okusiiba, ne bassa emikono gyabwe ku
Balunabba ne Sawulo, ne babasiibula ne bagenda.
4 Awo Balunabba ne Sawulo ne batumibwa Mwoyo Mutukuvu okugenda
e Serukiya, gye baava ne bawunguka okulaga e Kupulo.
5 Bwe baatuuka mu Salamisi ne bayingira mu makuŋŋaaniro
g'Abayudaaya ne babuulira ekigambo kya Katonda. Yokaana Makko yali
nabo okubaweereza.
6 Ne bagenda nga babuulira ku kizinga kyonna okutuuka e Pafo. Eyo
ne basangayo omufumu Omuyudaaya eyali nnabbi ow'obulimba, erinnya
lye Balisa.
7 Yayitanga ne Serugiyo Pawulo, gavana Omuruumi ow'oku kizinga
ekyo. Gavana ono yali musajja w'amagezi, n'atumya Balunabba ne Sawulo
ng'ayagala okuwulira ekigambo kya Katonda.
8 Naye Eruma omufumu (kubanga ago ge makulu g'erinnya lye mu
Luyonaani), n'abeekiikamu, n'agezaako okusendasenda gavana aleme
okuwuliriza ebigambo eby'okukkiriza.
9 Naye Sawulo, era ng'ayitibwa Pawulo, n'ajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu,
n'atunuulira Eruma enkaliriza,

10 n'amugamba nti, "Ggwe, omusajja ajudde obulimba bwonna
n'obukuusa bwonna, omwana wa Setaani, era omulabe w'obutuukirivu
bwonna olikomya ddi okukyusakyusa amakubo ga Katonda amatereevu?
11 Kaakano omukono gwa Mukama gukwolekedde, ojja kuziba amaaso,
omale ebbanga nga tolaba musana."

Amangwago olufu n'ekizikiza ne bimusaanikira, n'atandika okuwammanta ng'anoonya anaamukwata ku mukono.

12 Awo gavana bwe yalaba ebibaddewo, n'akkiriza, era n'awuniikirira
nnyo olw'okuyigiriza kw'ekigambo kya Mukama.

### *Balunabba ne Pawulo mu Antiyokiya eky'e Pisidiya*

13 Awo Pawulo ne be yali nabo ne basaabala ku nnyanja okuva e Pafo
ne bagoba e Peruga eky'e Panfuliya. Naye Yokaana Makko n'abalekayo
n'addayo e Yerusaalemi.
14 Kyokka Balunabba ne Pawulo ne beeyongerayo mu lugendo lwabwe
ne batuuka mu kibuga Antiyokiya ekiri mu Pisidiya. Awo ku lunaku lwa
Ssabbiiti ne bagenda ne batuula mu kkuŋŋaaniro.
15 Ebitundu ebyaggyibwa mu Mateeka ne mu Bannabbi bwe byaggwa
okusomebwa, abakulembeze b'ekuŋŋaaniro ne batumira Balunabba ne
Pawulo we baali batudde nga bagamba nti, "Abasajja abooluganda,
obanga ku mmwe waliwo alina ekigambo ekizimba abantu akyogere."
16 Awo Pawulo n'ayimuka, n'abawenya n'ayogera nti, "Abasajja Abay-
isirayiri, nammwe abatya Katonda, muwulirize!
17 Katonda w'eggwanga lino Isirayiri yalonda bajjajjaffe n'abafuula
eggwanga ekkulu bwe baali abagenyi mu nsi y'e Misiri n'oluvannyuma
n'abaggyayo n'omukono gwe ogw'amaanyi,
18 n'abagumiikiriza okumala emyaka amakumi ana nga bali mu ddungu.
19 N'azikiriza amawanga musanvu agaabeeranga mu nsi ya Kanani, era
ensi eyo n'agiwa Abayisirayiri okubeera omugabo gwabwe,
20 okumala emyaka ng'ebikumi bina mu ataano.

"Oluvannyuma n'abalondera abalamuzi okubafuganga okutuusa mu biro bya nnabbi Samwiri.

21 Awo abantu ne basaba bafugibwe kabaka. Katonda n'abawa Sawulo
mutabani wa Kiisi, ow'omu kika kya Benyamini, n'afugira emyaka
amakumi ana.
22 Naye Katonda n'amuggya ku bwakabaka, n'abuwa Dawudi, oyo
Katonda gwe yayogerako obulungi nti, 'Nnonze Dawudi, mutabani wa
Yese, omusajja omutima gwange gwe gwagala ajja okukola bye njagala.'
23 "Mu zzadde lye, Katonda mwe yalonda Omulokozi, ye Yesu, nga bwe
yasuubiza Isirayiri.
24 Naye nga tannajja, Yokaana yabuulira abantu bonna mu Isirayiri
okubatizibwa okw'okwenenya.
25 Era Yokaana bwe yali ng'ali kumpi okufundikira omulimu gwe,
yagamba nti, 'Mundowooza kuba ani? Nze siri ye. Laba Ye ajja
oluvannyuma lwange, n'okusaanira sisaanira na kusumulula ngatto ze.'
26 "Abasajja abooluganda mmwe bazzukulu ba Ibulayimu, nammwe
abatya Katonda, obubaka buno obw'obulokozi, bwaffe ffenna wamu.
27 Ababeera mu Yerusaalemi n'abakulembeze baabwe ne batamumanya
oyo newaakubadde ebigambo bya bannabbi, ebyasomebwanga buli Ssab-
biiti. Baamusalira omusango, ne batuukiriza ebigambo bino.
28 Tebaalina nsonga emussa, naye era ne basaba Piraato amutte.

29 Bwe baamala okutuukiriza byonna ebyamuwandiikwako,
n’awanulwayo ku musaalaba n’agalamizibwa mu ntaana.

30 Naye Katonda n’amuzuukiza mu bafu.

31 Era abo be yajja nabo e Yerusaalemi ng’ava e Ggaliraaya
n’abalabikiranga okumala ennaku nnyingi. Era be bajulirwa be eri
abantu.

32 “Ne kaakano tubategeeza nti, Katonda kye yasuubiza bajjajjaffe

33 yakituukiriza mu ffe ne mu baana baffe, bwe yazuukiza Yesu mu bafu.
Nga bwe kyawandiikibwa mu Zabbuli eyookubiri nti,

“ ‘Mwana wange,
leero nfuuse Kitaawo.’

34 Kubanga Katonda yasuubiza okumuzuukiza abeere mulamu nate, era
nga takyaddayo kuvunda. Ekyawandiikibwa nga bwe kyogera nti:

“ ‘Ndikuwa emikisa egy’olubeerera era emitukuvu gye nasuubiza Dawudi.’

35 Ne mu kyawandiikibwa ekirala agamba nti,

“ ‘Toliganya Mutukuvu wo kuvunda.’

36 “Kino kyali tekyogera ku Dawudi, kubanga Dawudi bwe yamala
okuweereza omulembe gwe nga Katonda bwe yayagala, n’afa, n’aziikibwa,
era omubiri gwe ne guvunda.

37 Noolwekyo, oyo Katonda gwe yazuukiza teyavunda.

38 “Abooluganda, mumpulirize! Mu muntu ono Yesu okusonyiyibwa
ebibi mwe kubuuliddwa. Kino nga tekiyinzika mu mateeka ga Musa.

39 Buli amukkiriza n’amwesiga aggyibwako omusango gw’ekibi,
n’aweebwa obutuukirivu.

40 Mwegendereze, ebigambo bya bannabbi bireme kutuukirira ku
mmwe, bwe baagamba nti:

41 “ ‘Mulabe, mmwe abanyoomi,
musamaalirire era muzikirire!
Kubanga nnina omulimu gwe nkola mu kiseera,
gwe mutagenda kukkiriza newaakubadde omuntu
ne bw’aligubannyonnyola atya temuligukkiriza.’ ”

42 Awo Pawulo ne Balunabba bwe baali bafuluma mu kkuŋŋaaniro,
abantu ne babasaba bakomewo ku Ssabbiiti eddirira bongere okubabu-
ulira ku bigambo ebyo.

43 Abayudaaya bangi awamu n’abatya Katonda abaaliwo mu kusinza
okwo mu kkuŋŋaaniro, ne babagoberera. Pawulo ne Balunabba ne
banyumya nabo nga bwe batambula mu kkubo, nga babasendasenda
banywerere mu kukkiriza ne mu kisa kya Katonda.

44 Ku Ssabbiiti eyaddirira kumpi buli muntu eyali mu kibuga n’ajja
okuwulira ekigambo kya Katonda.

45 Naye Abayudaaya bwe baalaba ebibiina ebinene nga bizze, ne
bakwatibwa obuggya, ne batandika okuwakanya n’okujolonga byonna
Pawulo bye yayogeranga.

46 Awo Pawulo ne Balunabba ne babaanukula n’obuvumu bungi ne
babagamba nti, “Kyali kituufu Ekigambo kya Katonda kino okusooka
okubuulirwa mmwe Abayudaaya. Naye nga bwe mukigaanyi, ne mweraga
nti obulamu obutaggwaawo temubusaanira; kale kaakano ka tukibuulire
Abaamawanga.

47 Kubanga bw’atyo Mukama bwe yatulagira bwe yagamba nti,

“ ‘Mbafudde omusana okwakira Abaamawanga,
olw’obulokozi okutuuka ku nkomerero y’ensi.’ ”

48 Abaamawanga bwe baawulira ebyo ne bajjula essanyu; era bangi ne bakkiriza, abo Katonda be yalonda okuwa obulamu obutaggwaawo.

49 Awo ekigambo kya Katonda ne kibuna mu kitundu ekyo kyonna.

50 Naye Abayudaaya ne bafukuutirira abakazi abaasinzanga Katonda ab’ebitiibwa, n’abakulembeze mu kibuga, ne batandika akeegugungo mu kibiina ky’abantu nga koolekedde Pawulo ne Balunabba, okutuusa lwe baabagoba mu kitundu kyabwe.

51 Abatume ne babakunkumulira enfuufu ey’omu bigere byabwe, ne babaviira ne balaga mu Ikoniya.

52 Abayigirizwa ne bajjula essanyu ne Mwoyo Mutukuvu.

# 14

1 Awo Pawulo ne Balunabba bwe baatuuka mu Ikoniya ne bayingira mu kkuŋŋaaniro ly’Abayudaaya. Ne babuulira n’amaanyi mangi era abantu bangi Abayudaaya n’Abayonaani ne bakkiriza.

2 Naye Abayudaaya abaagaana okukkiriza ne bassa omutima omubi mu baamawanga okukyawa aboluganda.

3 Ne baabeerayo ebbanga gwanvu nga babuulira n’obuvumu, era Mukama n’akakasanga ekigambo ky’ekisa kye ng’abawa okukola obubonero n’ebyamagero.

4 Naye ekibiina ky’abantu mu kibuga ne kyawukanamu abamu ne bagoberera Abayudaaya n’abalala ne bakkiriza abatume.

5 Abayudaaya n’abakulembeze baabwe awamu n’Abamawanga, ne basala olukwe okubonyaabonya abatume, n’okubakuba amayinja.

6 Naye Pawulo ne Balunabba olukwe ne baluggukamu ne baddukira mu bibuga ebya Lukawoniya ne Lusitula ne Derube, ne mu bitundu ebiriraanyeewo,

7 era n’eyo ne babuulirirayo Enjiri.

### *Pawulo ne Balunabba mu Lusitula ne Derube*

8 Mu Lusitula mwalimu omusajja eyazaalibwa nga mulema, ng’ebigere bye bigongobavu, nga tatambulangako.

9 N’atuula awo ng’awuliriza Pawulo bye yali ayogera. Pawulo n’amwekaliriza amaaso n’alaba ng’alina okukkiriza okuwonyezebwa.

10 Pawulo n’amugamba mu ddoboozi ery’omwanguka nti, “Yimirira ku bigere byo, weegolole!” Amangwago omusajja n’ayimirira, n’atandika okutambula!

11 Awo ekibiina ky’abantu bwe baalaba Pawulo ky’akoze, ne baleekaanira waggulu mu lulimi lwabwe Olulikaoniya nti, “Bakatonda basse wansi gye tuli nga bali mu kifaananyi ky’abantu!”

12 Balunabba ne bamuyita Zewu, Pawulo ne bamuyita Kerume kubanga ye yali omwogezi omukulu.

13 Awo kabona wa Zewu, eyali ebweru w’ekibuga, n’agenda n’aleeta ente ennume n’ebimuli ku wankaaki, ye n’ekibiina ky’abantu ne baagala okuwaayo ssaddaaka.

14 Naye abatume, Balunabba ne Pawulo, bwe baabiwulira, ne bayuza engoye zaabwe, ne bafubutuka ne bayingira mu kibiina ky’abantu nga baleekaana nga bagamba nti,

15 “Abasajja! Kiki ekibakozesa ebintu bino? Naffe tuli bantu buntu nga mmwe! Twazze tubabuulire mukyuke okuva ku bintu bino ebitaliimu mudde eri Katonda omulamu eyakola eggulu n’ensi, n’ennyanja n’ebintu byonna ebirimu.

16 Mu mirembe egyayita yaleka amawanga gonna okukwata amakubo
ge baayagalanga.
17 Kyokka tasigalirangako awo nga talina bujulirwa ng'abakolera
ebirungi okuva mu ggulu, ng'aweereza enkuba, n'okubawa ebiro
eby'okubalizangamu ebibala n'okubakkusa emmere, era n'okubajjuza
essanyu mu mitima gyabwe."
18 Newaakubadde baabategeeza bwe batyo, naye era katono balemwe
okuziyiza ebibiina okubawa ssaddaaka.
19 Awo Abayudaaya ne batuuka nga bava mu Antiyokiya ne mu Ikoniya,
ne basasamaza ebibiina, ne bakuba Pawulo amayinja ne bamukulula ne
bamutwala ebweru w'ekibuga nga balowooza nti afudde.
20 Naye abayigirizwa ne bajja ne bayimirira okumwetooloola, n'asituka
n'addayo mu kibuga! Enkeera ne basitula ne Balunabba ne balaga mu
Derube.

*Balunabba ne Pawulo Badda mu Antiyokiya eky'omu Siriya*

21 Ne babuulira Enjiri mu kibuga ekyo, era abantu bangi ne bakkiriza.
Ne baddayo mu Lusitula, ne mu Ikoniya, ne mu Antiyokiya,
22 ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukk-
iriza, era ne babagamba nti, "Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka
bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi."
23 Pawulo ne Balunabba buli kkanisa baagironderamu abakadde. Ne
basaba ne basiiba, ne babakwasa Mukama, oyo gwe bakkiriza.
24 Awo ne batambula ne bayita mu Pisidiya ne batuuka e Panfuliya,
25 bwe baamala okubuulira ebigambo mu Peruga, ne beeyongerayo mu
Ataliya.
26 Oluvannyuma ne basaabala ku nnyanja okuddayo mu Antiyokiya, gye
baali baasigirwa ekisa kya Katonda olw'omulimu gwe baakola.
27 Bwe baatuuka, ne bakuŋŋaanya ekkanisa ne babategeeza ebyafa mu
lugendo lwabwe, ne byonna Katonda bye yabakozesa, n'Abamawanga nga
bwe yabaggulirawo oluggi olw'okukkiriza.
28 Ne babeera eyo ne bamalayo ebbanga ggwanvu nga bali
n'abayigirizwa.

# 15

*Olukiiko lw'Abakristaayo mu Yerusaalemi*

1 Awo ne wajja abantu abamu abaava mu Buyudaaya ne bayigiriza
abooluganda nti, "Ssinga temukomolebwa ng'akalombolombo ka Musa
bwe kali temuyinza kulokolebwa."
2 Pawulo ne Balunabba ne bawakana nnyo nabo ku nsonga eyo ne
kisalibwawo nti Pawulo ne Balunabba n'abamu ku bakkiriza ab'omu
Antiyokiya, batwale ensonga eyo eri abatume n'abakadde b'Ekkanisa mu
Yerusaalemi.
3 Ababaka ne bakwata ery'e Yerusaalemi, ne bayimirirako mu kibuga
ky'e Fayiniikiya n'e Samaliya okukyalira abakkiriza mu bibuga ebyo
n'okubategeeza ng'Abamawanga bangi bwe baakyuka ne bakkiriza.
Ebigambo ebyo ne bisanyusa nnyo abooluganda.
4 Bwe baatuuka mu Yerusaalemi ne baanirizibwa ekkanisa, abatume
n'abakadde b'Ekkanisa bonna. Ne babategeeza byonna Katonda bye
yabakozesa.
5 Naye abamu ku bakkiriza, ab'omu kibiina ky'Abafalisaayo, ne
basituka ne bagamba nti Abaamawanga bonna abakkiriza bateekwa

okukomolebwa nga bwe kiri mu mateeka ga Musa, era n’okugoberera obulombolombo bwonna ng’empisa z’Ekiyudaaya bwe ziragira.
6 Awo abatume n’abakadde b’Ekkanisa ne bakuŋŋaana bateese ku nsonga eyo.
7 Oluvannyuma nga bateeserezza ebbanga ggwanvu, Peetero n’asituka n’abagamba nti, “Abooluganda, mwenna mumanyi nga Katonda yannonda dda mu mmwe mu nnaku ezaasooka, mbuulire Enjiri mu baamawanga nabo bakkirize.
8 Era Katonda amanyi emitima gy’abantu, yayaniriza Abaamawanga ng’abawa Mwoyo Mutukuvu nga naffe bwe yatumuwa.
9 Teyabasosola kubanga bwe baamala okukkiriza, obulamu bwabwe n’abunaaza ng’obwaffe bwe yabunaaza.
10 Kale kaakano, lwaki mwagala okukema Katonda nga mukakaatika ekikoligo mu bulago bw’abayigirizwa, kye mumanyi nga bajjajjaffe kyabakaluubirira era naffe kitukaluubirira okwetikka?
11 Tukkiriza nti tulokolebwa lwa kisa kya Mukama waffe Yesu, era n’abamawanga bwe batyo bwe balokolebwa.”
12 Ekibiina kyonna ne kisiriikirira ne bawuliriza Balunabba ne Pawulo nga babategeeza eby’amagero n’obubonero Katonda bye yabakozesa nga bali ku mulimu gwe mu baamawanga.
13 Bwe baamala okwogera, Yakobo n’agamba nti, “Abasajja abooluganda, mumpulirize.
14 Simooni abategeezezza ng’okusookera ddala Katonda bwe yakyalira Abaamawanga ne yeeronderamu abo ab’okuweesa erinnya lye ekitiibwa.
15 Era kino kituukiriza bannabbi bye baayogera ng’Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti,
16 “ ‘Oluvannyuma lwa bino ndikomawo,
ne nziddaabiriza ennyumba ya Dawudi eyagwa.
Ndiddaabiriza ebifo ebyamenyebwamenyebwa. Ndigizaawo,
17 n’abantu abalala
basobole okunoonya Mukama,
era n’abamawanga be nayita okuba abantu bange.
18 Bw’atyo bw’ayogera Mukama, alaga entegeka ye okuviira ddala ku ntandikwa y’ensi.’
19 “Kyenva nsalawo nti, Tetusaana kutikka baamawanga abakkiriza Katonda mugugu munene nga tubawaliriza okukwata obulombolombo bwaffe obw’Ekiyudaaya.
20 Wabula tubawandiikire tubategeeze beewale okulya ennyama eya ssaddaaka eweebwayo eri bakatonda abalala, beewale obwenzi n’okulya ennyama ey’ebisolo ebitugiddwa, era beewale okulya n’omusaayi.
21 Kubanga ebintu byonna biri mu mateeka ga Musa, era bibuulirwa mu makuŋŋaaniro g’Abayudaaya mu buli kibuga buli lunaku lwa Ssabbiiti ebbanga lyonna.”

*Ebbaluwa y’Olukiiko eri Abaamawanga Abakkiriza*

22 Awo abatume n’abakadde b’Ekkanisa n’abooluganda bonna mu Kkanisa ne bateesa okutuma ababaka bagende ne Pawulo ne Balunabba mu Antiyokiya okubategeeza kye basazeewo. Abasajja abaalondebwa nga bakulembeze mu Kkanisa baali: Yuda (era gwe bayita Balusaba) ne Siira.
23 Ne baweebwa ebbaluwa gye baatwala ng’esoma bw’eti:
Ffe abatume, n’abakadde b’ekkanisa,
Eri abooluganda, mu Antiyokiya yonna ne Siriya ne Kirukiya:

Abooluganda tubalamusizza.

24 Tuwulidde nti abamu ku booluganda baava wano ne bajja eyo nga si ffe tubatumye, ne boogera nammwe ebigambo ebyabatabulatabula mu kukkiriza kwammwe ne bibakeŋŋentereza emitima.

25 Kyetuvudde tuteesa ffenna, era ne tukkiriziganya bumu, okubatumira ababaka baffe bajjire wamu n’abaagalwa baffe, Balunabba ne Pawulo,

26 abasajja abeewaddeyo okuweereza Mukama waffe Yesu Kristo nga tebabalirira bulamu bwabwe.

27 Tubatumidde Yuda ne Siira bongere okubannyonnyola n’akamwa ebyo ebiri mu bbaluwa eno.

28 Kubanga kwe kuteesa kwa Mwoyo Mutukuvu, era naffe, nga tekisaanira kubatikka migugu gya bwereere egiteetaagibwa, wabula musaana okugoberera bino:

29 Mwewalenga ennyama ettiddwa olw’okuweebwayo eri bakatonda abalala, mwewalenga n’okulya omusaayi, era n’ennyama ey’ebisolo ebitugiddwa, era mwewalenga obwenzi. Bwe muneegendereza ne mwewala ebintu ebyo, munaaba mukoze bulungi.

Mweraba.

30 Awo abaatumibwa ne basitula ne bagenda mu Antiyokiya, ne bakuŋŋaanya ekibiina ky’abakkiriza ne babakwasa ebbaluwa eyo.

31 Bwe baagisoma, essanyu ne liba jjitirivu mu Kkanisa yonna olw’ebyo ebyagirimu.

32 Awo Yuda ne Siira, olwokubanga baali bannabbi, ne boogerera ebbanga ggwanvu nga bakubiriza abooluganda okunyweza okukkiriza kwabwe.

33 Awo Yuda ne Siira ne bamalayo ennaku ntonotono ne basiibula okuddayo eri abaabatuma. Abooluganda ne babatuma okulamusa abali mu Yerusaalemi n’okubeebaza olw’obubaka bwe baabaweereza.

34 Naye Siira n’asalawo okusigalayo.

35 Pawulo ne Balunabba ne babeera mu Antiyokiya okumala ebbanga nga bakolera wamu n’abalala nga babuuliira Enjiri era n’okuyigiriza.

### *Pawulo ne Balunabba Baawukana*

36 Awo nga wayiseewo ennaku Pawulo n’agamba Balunabba baddeyo mu bibuga gye baabuulira Enjiri, bagende nga bakyalira abooluganda, balabe nga bwe bali.

37 Balunabba n’akkiriza, wabula n’ayagala ne Yokaana Makko agende nabo.

38 Naye Pawulo ekyo n’atakyagala, kubanga Makko yabaawukanako n’abaleka e Panfuliya ng’omulimu ogwabatwala tebannagumaliriza.

39 Ne balemwa okukkiriziganya mu nsonga eyo, n’ekyavaamu kwe kwawukana. Balunabba n’atwala Makko ne basaabala ku nnyanja okulaga mu Kupulo.

40 Pawulo n’alonda Siira, abooluganda ne bamusabira ekisa kya Mukama mu lugendo lwe.

41 Ne bayita mu Siriya ne mu Kirukiya nga bagenda bagumya ekkanisa.

## 16

### *Timoseewo Yeegatta ku Pawulo ne Siira*

1 Awo Pawulo n'asookera e Derube n'oluvannyuma n'alaga e Lusitula.
Eyo waaliyo omuyigirizwa erinnya lye Timoseewo. Nnyina yali Muyu-
daaya omukkiriza, nga kitaawe Muyonaani,
2 abooluganda mu Lusitula ne mu Ikoniya nga bamwogerako birungi
byereere.
3 Pawulo n'ayagala Timoseewo agende nabo mu lugendo lwabwe.
Bw'atyo n'amala okumukomola, kubanga Abayudaaya bonna mu kitundu
ekyo baali bamanyi kitaawe wa Timoseewo nga bw'ali Omuyonaani.
4 Awo bwe baali nga bayita mu bibuga ne babategeeza okukwatanga ebi-
ragiro ebyasalibwawo abatume n'abakadde b'Ekkanisa mu Yerusaalemi
ebikwata ku baamawanga.
5 Ekkanisa ne yeeyongeranga amaanyi mu kukkiriza era n'abantu ne
beeyongera obungi buli lunaku.

### *Okwolesebwa kwa Pawulo*

6 Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugiya n'e
Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya
okubuulirayo Ekigambo.
7 Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo
wa Yesu n'atabakkiriza.
8 Kyebaava bayita obuyisi mu kitundu kya Musiya ne baserengeta e
Tulowa.
9 Ekiro ekyo Pawulo n'afuna okwolesebwa, omusajja Omumakedoni
ng'ayimiridde mu maaso ge ng'amwegayirira nti, "Jjangu ewaffe e
Makedoniya otuyambe."
10 Pawulo bwe yafuna okwolesebwa okwo ne yeetegeka mangu okulaga
e Makedoniya, kubanga yakitegeera nga Katonda atutumye okubabuulira
Enjiri.

### *Okukyuka kwa Ludiya mu Firipi*

11 Awo ne tusaabala ku nnyanja e Tulowa, ne tuwunguka okutuuka e
Samoserakiya, enkeera ne tulaga e Neyapoli,
12 n'oluvannyuma ne tutuuka e Firipi, ettwale ly'Abaruumi, era nga
ky'ekibuga ekikulu mu kitundu ekyo ekya Makedoniya. Ne tumalawo
ennaku ntonotono.
13 Ku Ssabbiiti ne tufuluma mu kibuga okulaga ku mugga ogwali
okumpi n'ekibuga gye baali batutegeezezza nti waliwo abakuŋŋaanirayo
okusabirayo. Ne tutuula wamu n'abakazi abaali bazze okusaba ne twogera
nabo.
14 Omu ku bakazi abo erinnya lye nga ye Ludiya, yali musuubuzi wa
ngoye ez'effulungu ng'abeera mu kibuga Suwatira. Yali asinza Katonda
bulijjo. Katonda n'amubikkulira okutegeera obulungi ebyo Pawulo bye
yali ayigiriza.
15 Bw'atyo n'abatizibwa n'ab'omu nnyumba ye bonna. N'atuyita tu-
mukyalire mu maka ge, ng'agamba nti, "Obanga mukakasa nti nzikirizza
Mukama, mujje mubeere mu maka gange." N'atuwaliriza.

### *Pawulo ne Siira Basibwa mu Kkomera*

16 Olunaku lumu twali tuserengeta ku mugga mu kifo we twasabiranga,
ne tusisinkana omuwala omuddu ng'aliko ddayimooni eyalagulanga, era
n'afuniranga bakama be ensimbi nnyingi.
17 N'atuvaako emabega ng'aleekaana nti, "Bano baddu ba Katonda Ali
Waggulu Ennyo, era babategeeza ekkubo ly'obulokozi."

18 Ekyo yakikola okumala ennaku nnyingi Pawulo n’anyiiga. Pawulo kyeyava akyuka n’agamba ddayimooni nti, “Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo, muveeko!” Era amangwago dayimooni n’ava ku muwala.

19 Bannannyini muwala bwe baalaba nga tewakyali ssuubi lya kwongera kumufunamu nsimbi, ne bakwata Pawulo ne Siira ne babatwala mu katale eri ab’obuyinza.

20 Ne babaleeta mu maaso g’abalamuzi, ne bagamba nti, “Abasajja bano Bayudaaya, basasamaza ekibuga kyaffe

21 nga bayigiriza empisa n’obulombolombo bye tutakkirizibwa kugoberera na kukozesa mu mateeka gaffe ag’Ekiruumi.”

22 Ekibiina ky’abantu ne kibeeyiwako, abalamuzi ne balagira bambulwemu engoye era bakubwe emiggo.

23 Bwe baamala okukubwa emiggo mingi, ne baggalirwa mu kkomera, era omukuumi w’ekkomera n’akuutirwa abakuume butiribiri.

24 Omukulu w’ekkomera bwe yafuna ebiragiro ebyo, n’abateekera ddala mu kkomera ery’omunda, n’amagulu gaabwe n’agassa mu nvuba.

25 Awo ekiro mu ttumbi Pawulo ne Siira bwe baali nga basaba, era nga bwe bayimba n’ennyimba ez’okutendereza Katonda, nga n’abasibe abalala bawuliriza,

26 amangwago ne wabaawo musisi ow’amaanyi ennyo. Emisingi gy’ekkomera ne ginyeenyezebwa, n’enzigi z’ekkomera zonna ne zibanduka ne zeggula, era n’enjegere ezaali zisibye abasibe ne zisumulukuka ne zigwa eri!

27 Omukuumi w’ekkomera n’azuukuka, n’alaba ng’enzigi zonna nzigule, n’alowooza nti abasibe bonna badduse, n’asowolayo ekitala kye yette!

28 Naye Pawulo n’aleekaana nti, “Teweekola kabi!”

29 Omukuumi w’ekkomera n’akankana nnyo ng’ajjudde entiisa nnyingi, n’alagira ne baleeta ettaala, n’afubutuka n’ayingira munda, n’agwa wansi mu maaso ga Pawulo ne Siira ng’akankana.

30 Awo n’abafulumya, n’ababuuza nti, “Bassebo, nkole ki okulokolebwa?”

31 Ne bamugamba nti, “Kkiriza Mukama waffe Yesu onoolokolebwa, ggwe n’ennyumba yo yonna.”

32 Awo ne bamubuulira Ekigambo kya Mukama waffe, ye n’ab’omu maka ge bonna.

33 Mu kiseera ekyo kyennyini n’abatwala n’abanaaza ebiwundu. Era ye n’ab’omu maka ge bonna ne babatizibwa.

34 Omukuumi w’ekkomera n’abatwala mu nnyumba ye, n’abawa emmere, era amaka gonna ne gajjula essanyu kubanga baali bakkirizza Katonda.

35 Awo obudde bwe bwakya, abalamuzi ne batuma abaserikale eri omukuumi w’ekkomera ne bamugamba nti, “Abasajja abo basumulule.”

36 Omukuumi w’ekkomera n’ategeeza Pawulo nti, “Abalamuzi balagidde muteebwe. Noolwekyo kaakano mugende mirembe.”

37 Naye Pawulo n’addamu nti, “Ekyo ffe tetukikkiriza! Baatukubidde mu lujjudde lw’abantu nga tebamaze na kutuwozesa, ne batusiba mu kkomera, ng’ate tuli Baruumi! Olwo kaakano baagala batusumulule mu kyama? Nedda! Bo bennyini be baba bajja batuggye mu kkomera!”

38 Abaserikale abaatumibwa ne bazzaayo ebigambo eri abalamuzi. Naye bwe baawulira nti Pawulo ne Siira Baruumi ne batya nnyo.

39 Ne bajja mu kkomera ne basaba Pawulo ne Siira bagende, ne babaggya mu kkomera ne babeegayirira babaviire mu kibuga kyabwe.

40 Pawulo ne Siira bwe baava mu kkomera ne bagenda mu maka ga
Ludiya, ne bongera okubuulira abooluganda ekigambo kya Katonda nga
babanyweza, n’oluvannyuma ne basitula ne bagenda.

# 17

*Pawulo mu Sessaloniika*

1 Awo ne batambula ne bayita mu bibuga Anfipoli ne Apolooniya ne
batuuka e Sessaloniika, omwali ekkuŋŋaaniro ly’Abayudaaya.

2 Pawulo, ng’empisa ye bwe yali, n’agenda n’ababuuliranga ekigambo
kya Katonda okuva mu byawandiikibwa, ku buli lwa Ssabbiiti okumala
Ssabbiiti ssatu.
3 N’abannyonnyola era n’abalaga nga bwe kyali kyetaagisa Kristo
okubonaabona n’okuzuukira mu bafu, era nti, “Oyo ye Kristo Yesu gwe
mbabuulira.”
4 Abamu ku Bayudaaya abaamuwuliriza ne bakkiriza ne beegatta
ku Pawulo ne Siira; era n’Abayonaani bangi abatya Katonda awamu
n’abakazi bangi ab’ekitiibwa mu kibuga ekyo.

5 Naye Abayudaaya ne bakwatibwa obuggya, ne bagenda nga bafukuu-
tirira abantu ab’empisa embi ne babaggya mu nguudo z’omu kibuga ne
mu katale, ne batandikawo akasasamalo mu kibuga. Ne balumbagana
amaka ga Yasooni nga banoonyaamu Pawulo ne Siira babatwale mu
kibiina ky’abantu.

6 Bwe baababulwa, kwe kukwata Yasooni n’abooluganda abamu ne
babaleeta mu maaso g’abakulu b’ekibuga, nga bwe baleekaana nti,
“Pawulo ne Siira batabuddetabudde ebifo ebirala mu nsi yonna, ne
kaakano bazze wano batabuletabule ekibuga kyaffe,

7 era Yasooni oyo y’abaaniriza mu maka ge. Bano bonna bazizza omu-
sango ogw’okuseeketerera eggwanga ne bamenya amateeka ga Kayisaali
nga bayimbirira kabaka omulala Yesu.”
8 Ekibiina n’abakulu b’ekibuga bwe baawulira ebintu ebyo ne
basasamala.
9 Bwe baamala okusasuza Yasooni ne banne omutango, ne babaleka ne
bagenda.

*Pawulo mu Beroya*

10 Obudde bwe bwaziba abooluganda ne bafulumya Pawulo ne Siira
mu kibuga ne babaweereza e Beroya. Bwe baatuuka eyo ne bagenda mu
kkuŋŋaaniro ly’Abayudaaya okusinza n’okubuulira, nga bwe yali empisa
yaabwe.

11 Abayudaaya b’omu Beroya baali balungi okusinga ab’e Sessaloniika,
ne bawuliriza bulungi n’essanyu Ekigambo ekyababuulirwa. Buli lunaku
nga babikkula Ebyawandiikibwa okunoonyaamu ebyo Pawulo ne Siira bye
baayogerangako bakakase nti bya mazima.

12 Era Abayudaaya bangi ne bakkiriza, n’abakazi ab’ekitiibwa Abayon-
aani bangi n’abasajja, nabo ne bakkiriza.

13 Naye Abayudaaya ab’omu Sessaloniika bwe baategeera nga Pawulo
abuulira ekigambo kya Katonda mu Beroya, ne bamuwondera ne bata-
bangula ekibiina.

14 Amangwago abooluganda bwe bakitegeera ne baweereza Pawulo ku
nnyanja, Siira ne Timoseewo bo ne basigala e Beroya.

15 Abaawerekera ku Pawulo ne bagenda naye okutuukira ddala mu
Asene, eyo gye baamuleka ne bakomawo e Beroya ng’abatumye bagambe
Siira ne Timoseewo bagende mangu gy’ali.

*Pawulo mu Asene*

16 Ebbanga Pawulo lye yamala ng’alinda Siira ne Timoseewo mu Asene,
n’alumwa nnyo mu mutima bwe yalaba ng’ekibuga kijjudde bakatonda
abalala.
17 N’abeeranga mu kkuŋŋaaniro buli lunaku ng’akubaganya
ebirowoozo n’Abayudaaya n’Abamawanga abatya Katonda, era
n’ayogeranga eri abantu bonna abajjanga okumuwuliriza mu kibuga
wakati okumpi n’akatale.
18 Abamu ku bayigiriza bakagezimunnyu Aba Epikuliyo ne Abasutoyiiko
ne batandika okuwakana naye. Bwe yabuulira ku Yesu n’okuzuukira
kw’abafu ne bagamba nti, “Aloota buloosi,” n’abalala nti, “Waliwo eddiini
empya etali ya wano gy’ayimbirira.”
19 Naye ne bamuyita ajje mu kukuŋŋaana kwabwe okwa Aleyopaago*
nga bagamba nti, “Twagala okwongera okumanya ebikwata ku kuyigiriza
kuno okuggya,
20 kubanga oyogedde ebintu bingi ebyewuunyisa, noolwekyo twagala
okwongera okumanya kye bitegeeza.”
21 Abaasene bonna n’abagenyi abajjanga mu Asene, baayagalanga nnyo
okumala ebiseera byabwe mu kukubaganya ebirowoozo ku bintu ebiggya
bye baakawulira.
22 Awo Pawulo n’ayimirira mu maaso gaabwe mu Aleyopaago,
n’abagamba nti, “Abasajja b’omu Asene! Ntegedde nga bwe muli
abannaddiini ennyo;
23 kubanga bwe mbadde ntambulatambula ne ndaba ebyoto bya ssad-
daaka bingi, ne ku kimu nga kuliko ebigambo bino nti:
Kya Katonda Atamanyiddwa.
Mubadde mumusinza nga temumumanyi, nange kaakano njagala mba-
mutegeeze.
24 “Katonda oyo ye yakola ensi n’ebintu byonna ebigirimu. Era ol-
wokubanga ye Mukama w’eggulu n’ensi tabeera mu yeekaalu ezikolebwa
n’emikono gy’abantu,
25 era abantu tebayinza kumuyamba mu byetaago bye, kubanga talina
byetaago! Ye yennyini y’awa buli muntu obulamu n’omukka gw’assa
n’ebintu byonna.
26 Ye yatonda abantu bonna mu nsi, ng’abaggya mu muntu omu,
n’abasaasaanya mu mawanga okubuna ensi yonna. N’ateekateeka
amawanga agalisituka n’agaligwa, era n’ebbanga lye galimala. Era
n’agakolera n’ensalo zaago.
27 Yakola bw’atyo ng’ayagala abantu bonna banoonye Katonda, nga
bafuba okumuvumbula, okumutuukako, newaakubadde nga buli omu ku
ffe tamuli wala.
28 Kubanga mu ye mwe tubeera, era mwe tutambulira, era mwe muli
obulamu bwaffe. Ng’omu ku bawandiisi bammwe bw’agamba nti, ‘Tuli
baana ba Katonda.’
29 “Obanga kino kya mazima nti tuli baana ba Katonda, tetusaana
kumulowoozaako ng’ekibajje ekikoleddwa abantu oba ekintu ekyoleddwa
mu zaabu oba ffeeza oba ekitemeddwa mu jjinja.
30 Edda mu biseera ebyayita Katonda yagumiikiriza obutamanya
bw’omuntu ku bintu ng’ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna buli
wantu okwenenya.

* **17:19** Aleyopaago kaali kasozi okwali lubaale ow’olutabaalo Ale.

31 Kubanga yateekawo olunaku, oyo gwe yalonda lw'alisalirako ensi yonna omusango mu bwenkanya. Era yamukakasa eri abantu bonna kubanga yamuzuukiza mu bafu."
32 Awo bwe baawulira Pawulo ng'ayogera ku kuzuukira kw'abafu, abamu ne bamusekerera, abalala ne bamugamba nti, "Twandiyagadde okwongera okukuwuliriza ku nsonga eyo olulala."
33 Bw'atyo Pawulo n'afuluma mu lukuŋŋaana lwabwe.
34 Naye abamu ku bo ne bamugoberera ne bakkiriza Mukama waffe. Omwo mwe mwali Diyonusiyo Omwaleyopaago, n'omukazi erinnya lye Damali n'abalala.

# 18

*Pawulo mu Kkolinso*
1 Oluvannyuma lw'ebyo, Pawulo n'asitula okuva mu Asene n'alaga mu Kkolinso.
2 Eyo gye yasisinkana omusajja Omuyudaaya erinnya lye Akula, eyazaalibwa mu Ponto, nga yaakava mu Italiya ne mukazi we Pulisikira, kubanga Kulawudiyo yali awadde ekiragiro okugoba Abayudaaya bonna mu Ruumi.
3 Olw'okuba nga baali bakola omulimu gwe gumu ogw'okukola weema, n'abeeranga nabo, era n'akolanga nabo.
4 Buli lwa Ssabbiiti Pawulo yabeeranga mu kkuŋŋaaniro ng'amatiza Abayudaaya n'Abayonaani.
5 Era Siira ne Timoseewo bwe baatuuka nga bava mu Makedoniya, Pawulo n'awaayo ekiseera kye kyonna mu kubuulira Ekigambo n'okukakasa Abayudaaya nti Yesu ye Kristo.
6 Naye Abayudaaya bwe baatandika okumuwakanya, era n'okuvvoola erinnya lya Yesu, n'akunkumula ebyambalo bye, n'abagamba nti, "Omusaayi gwammwe gubeere ku mitwe gyammwe! Nze ndi mulongoofu. Okuva kaakano nnaagendanga eri Abaamawanga."
7 Awo Pawulo n'ava eyo n'alaga mu nnyumba ya Tito Yusito, eyasinzanga Katonda, ng'amaka ge galiraanye n'ekkuŋŋaaniro.
8 Kulisupo, eyali omukulu w'ekkuŋŋaaniro, n'ennyumba ye yonna, ne bakkiriza Mukama waffe, n'abalala bangi ku Bakkolinso abaawulira ne bakkiriza era ne babatizibwa.
9 Awo ekiro kimu Mukama n'ayogera ne Pawulo mu kwolesebwa, n'amugamba nti, "Totya! Weeyongere okubuulira, so tosirika!
10 Kubanga ndi wamu naawe, tewali ayinza kukulumba n'akukola kabi. Era mu kibuga muno mulimu abantu bange bangi."
11 Bw'atyo Pawulo n'abeerayo ebbanga lya mwaka mulamba n'ekitundu ng'ayigiriza ekigambo kya Katonda.
12 Naye Galiyo bwe yalya obwagavana bwa Akaya, Abayudaaya ne beegatta wamu ne balumba Pawulo, ne bamukwata ne bamutwala mu mbuga z'amateeka ewa gavana okumusalira omusango.
13 Ne bamuwawaabira nti, "Omusajja ono asendasenda abantu okusinza Katonda mu ngeri etakkirizibwa mu mateeka."
14 Naye Pawulo bwe yali ng'atandika okuwoza, Galiyo n'akyukira Abayudaaya abaawaaba n'abagamba nti, "Muwulire, mmwe Abayudaaya. Singa omusango guno gubadde gumenya mateeka, nandibadde nteekwa okubawuliriza.
15 Naye ensonga zammwe nga bwe zifa ku nkozesa y'ebigambo n'amannya, era nga zikwata ku mateeka gammwe, kirungi mmwe muzeemalire. Nze saagala kusala musango gw'ebyo."

16 Bw’atyo n’abagoba mu mbuga z’amateeka.
17 Awo bonna ne bakyukira Sossene, eyali omukulembeze omuggya ow’ekkuŋŋaaniro, ne bamukwata, ne bamukubira awo mu maaso g’embuga z’amateeka. Kyokka Galiyo teyabafaako.

### *Pulisikira ne Akula*

18 Pawulo n’amala mu kibuga omwo ennaku eziwerako, oluvannyuma n’asiibula abooluganda n’asaabala ku nnyanja n’agenda e Siriya, ng’atutte Pulisikira ne Akula. Naye yali tannasaabala, enviiri ze ne bazisalirako e Kenkereya olw’obweyamo bwe yali akoze.
19 Bwe baatuuka mu Efeso, banne n’abaleka awo n’agenda n’akubaganya ebirowoozo n’Abayudaaya mu kkuŋŋaaniro.
20 Ne bamusaba abeere nabo ennaku eziwerako, naye n’atakkiriza.
21 N’abagamba nti, “Nsaana okugenda ndyoke nsobole okubaawo ku mbaga ejja mu Yerusaalemi.” Kyokka n’abasuubiza nti agenda kukomawo mu Efeso nga Katonda amukkirizza. Bw’atyo n’asaabala ku nnyanja okuva mu Efeso.
22 Pawulo bwe yagoba mu Kayisaliya, n’akyalira Ekkanisa n’oluvannyuma n’aserengeta mu Antiyokiya.
23 Eyo n’amalayo ekiseera, n’asitula n’atambula n’ayitaayita mu bibuga ebiri mu bitundu bya Ggalatiya ne Fulugiya, ng’akyalira abayigirizwa bonna ng’abanyweza mu kukkiriza.

### *Apolo mu Efeso ne mu Kkolinso*

24 Waaliwo Omuyudaaya erinnya lye Apolo, nga yazaalibwa mu Alegezanderiya eky’omu Misiri, n’atuuka mu Efeso. Yali musajja muyigirize nnyo, era ng’amanyi nnyo Ebyawandiikibwa.
25 Yali ayigirizibbwa Ekkubo lya Mukama, nga w’amaanyi mu mwoyo, era yayogeranga n’ayigiriza bulungi byonna ebifa ku Yesu, wabula ng’amanyi kubatizibwa kwa Yokaana kwokka.
26 N’atandika okubuulira n’obuvumu mu kkuŋŋaaniro. Awo Pulisikira ne Akula bwe baamuwulira, ne bamuyita mu maka gaabwe ne bamunnyonnyola bingi eby’Ekkubo lya Katonda.
27 Awo Apolo n’ayagala okuwunguka agende mu Akaya mu Buyonaani, n’abooluganda ne bamuwagira nnyo mu kirowoozo ekyo. Ne bawandiikira bannaabwe abakkiriza mu Buyonaani bamwanirize n’essanyu. Era bwe yatuuka mu Buyonaani, Katonda n’amukozesa nnyo mu kunyweza Ekkanisa,
28 kubanga yasambajja n’amaanyi mangi ensonga Abayudaaya ze baaleetanga nga bawakanya Enjiri mu bantu, n’asinziiranga mu Byawandiikibwa okulaga nti ddala Yesu ye Kristo.

## 19

### *Pawulo mu Efeso*

1 Awo Apolo ng’ali mu Kkolinso, Pawulo n’atambula ng’ayita ku lukalu n’alaga mu Efeso. N’asangayo abayigirizwa bangiko,
2 n’ababuuza nti, “Bwe mwakkiriza mwafuna Mwoyo Mutukuvu?” Ne bamuddamu nti, “Nedda tetuwuliranga nti waliwo Mwoyo Mutukuvu.”
3 N’ababuuza nti, “Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki?” Ne bamuddamu nti, “Twakkiriza ebyo Yokaana Omubatiza bye yatuyigiriza.”

4 Awo Pawulo n’abagamba nti, “Yokaana yabatiza okubatiza
okw’okwenenya eri abantu ng’agamba nti agenda okujja oluvannyuma
lwe bamukkirize. Kino kitegeeza nti ye Yesu.”
5 Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe
Yesu.
6 Pawulo bwe yabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n’abakkako,
ne batandika okwogera ennimi endala era n’okuwa obunnabbi.
7 Bonna baali abantu nga kkumi na babiri.
8 Pawulo n’ayingiranga mu kkuŋŋaaniro buli lwa Ssabbiiti ng’abuulira
n’obuvumu bungi okumala emyezi esatu, n’abategeezanga ekyo
ky’akkiriza era n’ensonga kyava akkiriza, n’asendasenda bangi okukkiriza
ebintu by’obwakabaka bwa Katonda.
9 Naye abamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne
batandika n’okwogera obubi ku Kkubo mu bibiina. Pawulo n’abaviira,
n’atwala abakkiriza, ne bakuŋŋaaniranga mu kisenge ky’essomero lya
Tulaano buli lunaku.
10 Ne bamala emyaka ebiri n’okusingawo nga bakola bwe batyo, era
Abayudaaya bonna n’Abayonaani bonna abaabeeranga mu kitundu ekyo
ekya Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama.

### *Batabani ba Sukewa*

11 Katonda n’akozesanga Pawulo eby’amagero eby’ekitalo.
12 Obutambaala bwe n’ebiwero eby’engoye ze bwe byabikkibwanga ku
balwadde nga bawona, era abaabangako baddayimooni nga babavaako.
13 Waaliwo Abayudaaya abaagendanga nga bagoba baddayimooni ku
bantu mu buli kibuga, ne bagezaako okukozesa erinnya lya Mukama waffe
Yesu, nga bagamba dayimooni ali ku mulwadde nti, “Mu linnya lya Yesu,
Pawulo gw’abuulira, nkulagira omuveeko.”
14 Waaliwo batabani ba Sukewa, eyali kabona omukulu Omuyudaaya,
musanvu, nabo abaakolanga bwe batyo.
15 Bwe baakigezaako ku musajja eyaliko dayimooni, dayimooni
n’abagamba nti, “Yesu mmumanyi, ne Pawulo mmumanyi, naye mmwe,
mmwe b’ani?”
16 N’ababuukira n’abasinza amaanyi bonna, n’abataagulataagula nnyo,
ne bafubutuka mu nnyumba nga bali bwereere, era nga baliko ebiwundu.
17 Ebigambo ebyo ne bibuna mangu mu Bayudaaya ne mu Bayonaani
abaali mu Efeso, era bonna ne bakwatibwa entiisa nnene, n’erinnya lya
Mukama waffe Yesu ne liweebwa ekitiibwa kingi.
18 Bangi mu abo abakkiriza ne beenenya ebibi byabwe mu lwatu ne
baatula n’ebikolwa byabwe.
19 Abamu abaali abalogo ne baleeta ebitabo byabwe ne babyokya
ng’abantu bonna balaba. Bwe baabalirira omuwendo gw’ensimbi mu
bitabo ebyayokebwa, nga guwera nga siringi emitwalo kkumi.
20 Awo ekigambo kya Mukama ne kyeyongera okubuna mu maanyi
n’okunywera.

### *Akasasamalo mu Efeso*

21 Oluvannyuma lw’ebyo okutuukirira Pawulo n’alowooza mu mu-
tima okugenda e Yerusaalemi ng’ayitira mu Makedoniya ne mu Akaya.
N’agamba nti, “Bwe ndiva eyo kinsaanira nkyaleko ne mu Ruumi.”
22 N’asindika babiri ku baamuyambanga, Timoseewo ne Erasuto e
Makedoniya, ye n’asigala mu kitundu kya Asiya okumala ebbanga.

23 Mu kiseera ekyo ne wabaawo akasasamalo ak'amaanyi ku bigambo by'ekkubo.
24 Waaliwo omusajja erinnya lye Demeteriyo, yali muweesi wa bintu bya ffeeza, era nga y'akola obusabo obwa ffeeza obwa Atemi obwaleetanga amagoba mangi.
25 Awo Demeteriyo n'ayita abakozi be bonna wamu n'abo abakola emirimu egikwatagana n'egigye, ne bakuba olukuŋŋaana. N'alyoka ayogera nabo nti, "Mumanyi nti mu mulimu guno mwe tuggya obugagga.
26 Kale kaakano, nga mwenna bwe mulabye ne bwe muwulidde, omusajja ono Pawulo asenzesenze abantu bangi nnyo wano mu Efeso ne mu Asiya, okubakkirizisa nti bakatonda abakolebwa n'emikono si bakatonda.
27 Kino kya kabi gye tuli naye si mu Efeso mwokka naye ne mu kitundu kyonna ekya Asiya ne ku yeekaalu ya Atemi ne ku mukazi Oweekitiibwa Atemi. Kubanga ettutumu ly'alina lijja kumuggwaako, mu bitundu byonna ebya Asiya ne mu nsi gy'asinzibwa."

28 Awo bwe baawulira ebyo, ne basunguwala, ne batandika okuleekaana nti, "Atemi ow'Abaefeeso ye Mukulu!"
29 Ekibuga ne kijjula akayuuguumo, abantu bonna ne badduka nga balaga mu kifo omwazanyirwanga emizannyo nga bwe basikaasikanya Gayo ne Alisutaluuko, abaatambulanga ne Pawulo, babatwale babawozese.
30 Pawulo n'ayagala naye okuyingira mu kibiina, kyokka abayigirizwa ne batamukkiriza.
31 N'abamu ku b'omu Asiya, abaali mikwano gya Pawulo, ne bamutumira aleme kwewaayo kuyingira mu kifo omwazanyirwanga emizannyo.

32 Abantu abaali munda ne bamala galeekaana, ng'abamu boogera kino n'abalala kiri kubanga ekibiina kyali kitabusetabuse. Abasinga obungi nga n'okumanya tebamanyi nsonga yennyini ebakuŋŋaanyisizza.
33 Abayudaaya abamu bwe baalengera Alegezanda ng'ali mu kibiina ne bamusika okumuleeta mu maaso. N'akoma ku bantu basirike abeeko ky'abagamba.
34 Naye ekibiina bwe kyategeera nga Muyudaaya, bonna ne baddamu buto okuleekaana nti, "Atemi ow'Abaefeeso ye Mukulu!" Ne bakiddiŋŋana emirundi n'emirundi okumala ng'essaawa bbiri nnamba.

35 Awo omukulu w'ekibuga n'abasirisa n'ayogera nabo nti, "Abasajja Abaefeso, buli muntu yenna amanyi nti Efeso mwe mukuumirwa essabo ekkulu ery'omukulu Atemi, gwe tumanyi ng'ekifaananyi ekyava mu ggulu.
36 Olw'okubanga ebyo tewali abiwakanya, temusaana kwecanga olw'ebyo ebyogerwa, era temusaana kwanguyiriza kukola kya bulabe.
37 Kale muleese wano abasajja bano abatabbye kintu kya Atemi n'ekimu, wadde okumunyoomoola.
38 Obanga Demeteriyo n'abakozi be balina ensonga ze bavunaana abasajja bano, embuga z'amateeka weeziri era abalamuzi bajja kuyingira mangu mu nsonga zaabwe. Kirungi bakwate amakubo amatongole.
39 Obanga waliwo abeemulugunya ku nsonga endala, ebyo biyinza okutereezebwa mu Lukiiko lw'Ekibuga olwa bulijjo.
40 Kubanga singa tetwegendereza, tujja kuvunaanibwa olw'akasasamalo ka leero, kubanga tetujja kuba na kya kwogera."
41 Awo n'abasiibula, ne basaasaana.

# 20

### *Okuyita mu Makedoniya ne mu Buyonaani*

1 Awo akasasamalo bwe kakkakkana, Pawulo n'atumya abayigirizwa, ne bakuŋŋaana, n'ababuulira ekigambo kya Katonda ng'abasiibula n'okubagumya, n'alyoka asitula n'alaga mu Makedoniya.
2 N'agenda ng'ayitaayita mu bitundu ebyo ng'ayogera n'abantu ebigambo bingi eby'okubagumya n'okubanyiikiza mu kukkiriza kwabwe. Oluvannyuma n'atuuka mu Buyonaani,
3 n'amalamu emyezi esatu. Bwe yali ateekateeka okusaabala ku nnyanja okulaga mu Siriya, n'avumbula olukwe Abayudaaya lwe baali basaze okumutta, kyeyava asalawo okuddayo mu Makedoniya gy'aba ayita.
4 Abaamuwerekerako mu lugendo olwo okutuuka mu Asiya, be bano: Sopateri Omuberoya mutabani wa Puulo, ne Alisutaluuko ne Sekundo Abasessaloniika, ne Gaayo Omuderube, ne Timoseewo, n'Abasiya, Tukiko ne Tulofiimo.
5 Oluvannyuma bano bonna ne batukulembera ne batulinda e Tulowa.
6 Ne tusaabala ku nnyanja okuva e Firipi nga tumaze embaga ey'Emigaati Egitazimbulukuswa, ne tumala ku nnyanja ennaku ttaano, bannaffe ne tubatuukako mu Tulowa ne tumalawo ennaku musanvu.

### *Pawulo Azuukiza Yutuko mu Tulowa*

7 Awo olumu ku nnaku za ssabbiiti, bwe twali tukuŋŋaanye okumenya omugaati, Pawulo n'abaako bye yali abayigiriza. Naye olwokubanga enkeera yali asitula, n'ayogerera ebbanga ddene nnyo, n'atuusa mu ttumbi ng'akyayogera!
8 Mu kisenge ekya waggulu mwe twali tukuŋŋaanidde mwalimu ettaala nnyingi nga zaaka.
9 Waaliwo omuvubuka erinnya lye Yutuko, eyali atudde mu ddirisa, otulo ne tumukwata. Pawulo bwe yalwawo ng'akyayogera, omuvubuka ne yeebakira ddala, okutuusa lwe yasimattuka mu ddirisa ku mwaliiro ogwokusatu n'agwa ebweru n'afiirawo.
10 Pawulo n'akka wansi n'amusitula n'amuwambaatira mu mikono gye. N'agamba nti, "Temweraliikirira, mulamu!"
11 Awo bonna ne baddayo waggulu ne bamenya omugaati ne balya. Pawulo ne yeyongera okwogera okutuusiza ddala obudde okukya, n'alyoka asitula n'agenda.
12 Ne baddamu amaanyi, n'omuvubuka ne bamutwala eka nga mulamu.
13 Awo Pawulo ne tumukulembera ne tusaabala ku nnyanja okulaga mu Aso, Pawulo nga bwe yali ateeseteese, kubanga ye yali ateeseteese kuyita ku lukalu.
14 Bwe yatusisinkana mu Aso, ne tutuuka e Mituleene.
15 Bwe twava eyo ne tuwunguka olunaku olwaddirira ne tutuuka mu kifo ekyolekedde Kiyo. Ne ku lunaku olwaddirira ne tusala ne tudda e Samo, ne ku lunaku olwaddirira ne tutuuka e Mireeto.
16 Pawulo yali asazeewo obutayimirira mu Efeso nga yeewala okumala ekiseera ekinene mu Asiya, kubanga yali yeeyuna nti ssinga asobola, atuuke mu Yerusaalemi ng'olunaku lwa Pentekoote terunnatuuka.
17 Bwe yatuuka e Mireeto, n'atumira abakadde b'Ekkanisa ya Efeso bajje bamulabe.
18 Awo bwe baatuuka Pawulo n'agamba nti, "Mumanyi bulungi ng'okuva ku lunaku lwe natuukirako mu Asiya n'okutuusa leero,

19 nkoze omulimu gwa Mukama mmuweereza n'obuwombeefu
n'amaziga n'okugezesebwa ebyantukako olw'enkwe z'Abayudaaya.
20 Naye saalekayo kubabuulira bituufu eby'okubayamba, bwe twabanga
tukuŋŋaanye oba bwe najjanga mu maka gammwe,
21 nga ntegeeza Abayudaaya n'Abayonaani okwenenya badde eri Ka-
tonda, n'okuba n'okukkiriza mu Mukama waffe Yesu.
22 "Ne kaakano laba nsibiddwa Mwoyo Mutukuvu, ŋŋenda e
Yerusaalemi nga simanyi binaantukako nga ndi eyo.
23 Wabula Mwoyo Mutukuvu antegeeza nti okusibibwa
n'okubonyaabonyezebwa binnindiridde mu buli kibuga.
24 Naye obulamu bwange sibutwala kuba nga kya muwendo gye ndi,
ndyoke ntuukirize omulimu gwange, n'obuweereza bwe nnaweebwa
Mukama waffe Yesu, okutegeezanga Enjiri ey'ekisa kya Katonda.
25 "Ne kaakano mmanyi nga temukyaddayo kundaba nate, mwenna be
natambulamu nga mbuulira obwakabaka.
26 Noolwekyo mbategeeza leero nti sirina kyenvunaanwa olw'omusaayi
gwa bonna,
27 kubanga sirina na kimu kye nalekayo nga mbabuulira okwagala kwa
Katonda.
28 Mwekumenga era mukuumenga n'ekisibo kyonna Mwoyo Mutukuvu
mwe yabateeka okuba abalabirizi okulabiriranga Ekkanisa ya Katonda gye
yeegulira n'omusaayi gwe.
29 Mmanyi nga bwe ndigenda, emisege emikambwe giribayingiramu, era
tegirisaasira kisibo.
30 Ne mu mmwe bennyini mulivaamu abasajja aboogera ebintu
ebikyamu, okwefunira abayigirizwa abanaabagobereranga.
31 Noolwekyo mwekuume. Mujjukire nga bwe nababuulirira nga nkaaba
amaziga okumala emyaka esatu, emisana n'ekiro, ne mundeeta n'amaziga.
32 "Kaakano mbasigira Katonda n'ekigambo eky'ekisa kye ebiyinza
okubazimba n'okubawa omugabo mu abo bonna abaatukuzibwa.
33 Siyaayaaniranga ffeeza newaakubadde zaabu wadde engoye
eby'omuntu n'omu.
34 Mmwe bennyini mumanyi nti neetuusizaako ebyetaago byange
n'eby'abo bendi nabo.
35 Mbalaze mu buli kintu nga mu kukola n'amaanyi, kibagwanira
okuyamba abanafu, ate n'okujjukira ebigambo bya Mukama waffe Yesu
bye yayogera nti, 'Okugaba kwa mukisa okusinga okuweebwa.' "
36 Awo Pawulo bwe yamala okwogera ebyo, n'afukamira n'asaba nabo
bonna.
37 Buli omu n'akaaba nnyo amaziga, ne bamugwa mu kifuba okumusi-
ibula,
38 nga banakuwavu, naye okusinga byonna olw'ekigambo kye yayogera
nti, Tebakyaddayo kumulaba. Ne bamuwerekerako ne bamutuusa ku
kyombo.

# 21

*Pawulo Agenda e Yerusaalemi*

1 Awo bwe twamala okusiibulagana ne tuseeyeeya butereevu okutuuka
e Koosi. Olunaku olwaddirira ne tutuuka e Rodise, we twava okulaga e
Patala.
2 Okuva awo twagendera mu kyombo ekyali kigenda mu Foyiniikiya.

3 Ne tulengera ekizinga Kupulo, ne tukiyitako nga tukirese ku mukono gwaffe ogwa kkono, ne tuseeyeeya ne tugoba ku mwalo gw’e Ttuulo mu Siriya, kubanga ekyombo we kyali kigenda okutikkulirwa ebintu.
4 Bwe twava mu kyombo ne tunoonya abayigirizwa ne tubeera nabo ennaku musanvu. Mwoyo Mutukuvu n’ayogerera mu bayigirizwa abo ne balabula Pawulo aleme kugenda Yerusaalemi.
5 Ennaku ezo bwe zaggwaako ne tusitula. Abayigirizwa ne bakyala baabwe n’abaana baabwe ne batuwerekerako okutuggya mu kibuga okututuusiza ddala ku mwalo. Awo ffenna ne tufukamira ne tusaba.
6 Bwe twamala okusaba ne tusiibulagana. Ffe ne tuyingira ekyombo kyaffe, ne bannaffe ne baddayo ewaabwe.
7 Bwe twava e Ttuulo ne tugoba e Potolemaayi, ne tulamusaganya n’abakkiriza, ne tumala nabo olunaku lumu.
8 Enkeera ne tweyongerayo okutuuka e Kayisaliya, ne tubeera mu maka ga Firipo Omubuulizi w’Enjiri, eyali omu ku badiikoni omusanvu abaasooka.
9 Yalina abaana be abawala abaali batannafumbirwa bana nga balina ekirabo eky’obunnabbi.
10 Ne tumalawo ennaku eziwerako, ne wajja nnabbi erinnya lye Agabo ng’ava Buyudaaya.
11 Bwe yajja okutulaba, n’addira olukoba lwa Pawulo ne yeesiba amagulu n’emikono, n’agamba nti, “Mwoyo Mutukuvu ayogera nti, ‘Bw’ati nannyini lukoba luno bw’alisibwa Abayudaaya mu Yerusaalemi ne bamuwaayo mu mikono gy’Abamawanga.’ ”
12 Bwe twawulira ebigambo ebyo ffenna awamu n’abatuuze b’omu kitundu ekyo ne twegayirira Pawulo aleme kugenda Yerusaalemi.
13 Naye Pawulo n’addamu nti, “Lwaki mukaaba n’okwagala okunnafuya omutima? Kubanga seeteeseteese kusibibwa kyokka, naye neetegese n’okufiira mu Yerusaalemi olw’erinnya lya Mukama waffe Yesu.”
14 Bwe twalaba nga tekisoboka kumukkirizisa butagenda, ne tubivaako, ne tugamba nti, “Mukama ky’ayagala kye kiba kikolebwa.”
15 Bwe waayitawo ennaku ntono ne tusiba ebintu byaffe, ne tusitula okulaga mu Yerusaalemi.
16 Abamu ku bayigirizwa ab’e Kayisaliya ne batuwerekerako, bwe twatuuka ne tubeera mu maka ga Munasoni, edda eyabeeranga e Kupulo era nga yali omu ku bantu abaasooka okukkiriza.
17 Bwe twatuuka mu Yerusaalemi abooluganda ne batwaniriza n’essanyu lingi nnyo.

### *Pawulo Akyalira Yakobo*

18 Awo enkeera ffenna ne tugenda ne Pawulo ng’agenda okulaba Yakobo, n’abakadde b’Ekkanisa y’omu Yerusaalemi bonna baaliwo.
19 Okulamusaganya bwe kwaggwa, Pawulo n’abategeeza kinnakimu byonna Katonda bye yamukozesa ng’aweereza mu baamawanga.
20 Bwe baabiwulira byonna ne batendereza Katonda, naye ne bagamba Pawulo nti, “Owooluganda, omanyi ng’Abayudaaya nkumi na nkumi bakk-
iriza, era nga bonna bakakatira ku kimu nti Abayudaaya bonna wadde abakkiriza basaana okugoberera amateeka, n’empisa, n’obulombolombo, eby’Ekiyudaaya.
21 Baategeezebwa nti oyigiriza Abayudaaya bonna abali mu Bamawanga okuleka amateeka ga Musa baleme okukomola abaana baabwe wadde okugoberera empisa z’Ekiyudaaya.

22 Kale kaakano kiki ekinaakolebwa? Kubanga awatali kubuusabuusa bajja kutegeera nti ozze.

23 Kale waliwo wano abasajja bana abali ku kirayiro, abateekateeka okumwa emitwe gyabwe nga beerongoosa.

24 Genda nabo mu Yeekaalu weerongooseze wamu nabo, era obasasulire ensimbi ez'okumwa emitwe gyabwe. Kale buli omu ajja kukiraba era abantu bonna bajja kutegeera nti okiriziganya n'okukuuma amateeka, n'ebyo bye bakwogerako tebiriimu nsa.

25 Ku nsonga z'Abamawanga abakkiriza, twabawandikira nga tubagamba baleme kugoberera bulombolombo bwa Kiyudaaya n'akatono wabula ebyo bye twassa mu bbaluwa yaffe era bye bino; obutalya nnyama ya bisolo ebiweereddwayo eri bakatonda abalala, n'obutalya ebitugiddwa oba okulya omusaayi, era n'okwewala obwenzi."

26 Ku lunaku olwaddirira Pawulo n'atwala abasajja okwerongoosa, naye ne yeerongoosa nabo. N'ayingira mu Yeekaalu okutegeera olunaku ekiseera ky'okwerongoosa eky'ennaku omusanvu we kiriggweerako, olwo buli omu alyoke atwaleyo ekiweebwayo kye.

### *Pawulo Akwatibwa*

27 Awo ekiseera eky'ennaku omusanvu bwe kyali kiri kumpi okuggwaako, ne wabaawo Abayudaaya abaava mu Asiya ne balaba Pawulo mu Yeekaalu, ne basasamaza ekibiina kyonna, ne bakwata Pawulo

28 nga bwe baleekaana nti, "Abasajja Abayisirayiri! Mutuyambe! Ono ye musajja agenda ayogera obubi ku ggwanga lyaffe ne ku mateeka gaffe ne ku kifo kino, ng'ayigiriza buli muntu buli wantu. Era ayonoonye Yeekaalu yaffe ng'agireetamu Abayonaani."

29 Kubanga baamulabako ng'atambula mu kibuga ne Tulofiimo, eyava mu Efeso, ne balowooza nti Pawulo yamutwala ne mu Yeekaalu.

30 Ekibuga kyonna ne kijagalala olw'okuwulira ebigambo ebyo, era abantu ne bajja nga badduka okuva mu buli nsonda y'ekibuga. Ne bakwata Pawulo ne bamufulumya ebweru wa Yeekaalu, amangwago ne baggalawo enzigi.

31 Naye bwe baayagala okumutta, amawulire ne gatuuka ku mukulu w'ekitongole ky'abaserikale Abaruumi nti Yerusaalemi kiguddemu akeegugungo.

32 Amangwago n'asindika abaserikale n'abaduumizi baabwe, ne badduka okugenda eri ekibiina ky'abantu. Awo bwe baalaba omuduumizi n'abaserikale nga bajja, ne balekeraawo okukuba Pawulo.

33 Awo omukulu w'abaserikale n'akwata Pawulo n'alagira asibibwe mu njegere bbiri, n'alyoka abuuza nti, "Y'ani, era akoze ki?"

34 Ne bamuddamu nga baleekaana, ng'abamu bamugamba kino n'abalala nga bagamba kiri. N'alemwa okubaako ekiramu ky'aggyamu olw'okuleekaana okungi. Kyeyava alagira batwale Pawulo mu nkambi y'abaserikale.

35 Bwe yamutuusa ku madaala, ekibiina ky'abantu ne bayitirira obukambwe, abaserikale ne basitula Pawulo.

36 Ekibiina ky'abantu abaali bagoberera ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mumutte!"

### *Pawulo Ayogera n'Ekibiina*

37 Awo abaserikale bwe baali bagenda okuyingiza Pawulo mu nkambi yaabwe, n'asaba omukulu waabwe nti, "Onzikiriza mbeeko kye nkugamba?"

N’amuddamu nti, “Omanyi n’Oluyonaani?

38 Ye si ggwe Mumisiri eyajeemesa abantu mu nnaku ezayita, n’okulembera abatemu enkumi nnya n’obalaza mu ddungu?”

39 Pawulo n’addamu nti, “Nedda, nze ndi Muyudaaya, ewaffe Taluso ekiri mu Kirukiya, ekibuga ekitanyoomebwa, era omutuuze. Nkwegayiridde nzikiriza njogere n’abantu bano.”

40 Awo omuduumizi w’abaserikale kwe kumukkiriza, Pawulo n’ayimirira ku madaala n’akoma ku bantu basirike, amangwago ekibiina kyonna ne kisiriikirira, n’alyoka ayogera nabo mu Lwebbulaniya ng’abagamba nti:

# 22

1 “Abasajja abooluganda, ne bakadde bange, mumpulirize.”

2 Bwe baawulira ng’ayogera Lwebbulaniya ne beeyongera okusirikira ddala.

3 Pawulo n’abagamba nti, “Ndi Muyudaaya, nazaalibwa mu kibuga Taluso eky’omu Kirukiya, naye ne nkulira wano mu Yerusaalemi. Era mu kibuga muno mwe nayigira ne nzijjumbira amateeka gonna aga bajjajjaffe n’obwegendereza, nga njigirizibwa Gamalyeri. Nafubanga nnyo okuweesa Katonda ekitiibwa mu buli kye nakolanga, nga nammwe bwe mukola leero.

4 Nayigganya abantu b’Ekkubo n’okubatuusa ku kufa, ne nkwata abasajja n’abakazi ne mbasibisa mu kkomera.

5 Era Kabona Asinga Obukulu n’ab’Olukiiko Olukulu be bajulirwa bange. Kubanga nabasaba bawandiikire bannaabwe mu Damasiko ebbaluwa okunnyamba nkwate abaali eyo mbaleete wano mu Yerusaalemi nga mbasibye mu njegere mbaweeyo babonerezebwe.

6 “Naye mu ssaawa ez’omu ttuntu bwe nnali nga nsemberera Damasiko, amangwago ekitangaala eky’amaanyi ekyava mu ggulu ne kinjakira okunneetooloola.

7 Ne ngwa wansi ku ttaka, ne mpulira eddoboozi nga liŋŋamba nti, ‘Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki?’

8 “Ne mbuuza nti, ‘Ani, Mukama wange?’

“N’anziramu nti, ‘Nze Yesu Omunnazaaleesi gw’oyigganya.’

9 Be nnali nabo baalaba ekitangaala, naye eddoboozi ly’oyo eyayogera nange tebaaliwulira.

10 “Ne mmubuuza nti, ‘Nkole ki, Mukama wange?’

“Mukama waffe n’anziramu nti, ‘Yimuka ogende mu Damasiko, bw’onootuuka eyo ojja kutegeezebwa byonna bye nkutumye okukola.’

11 Bannange ne bankwata ku mukono ne bannyingiza mu Damasiko, kubanga ekitiibwa ky’ekitangaala kiri eky’amaanyi kyali kinzibye amaaso.

12 “Omusajja omu ayitibwa Ananiya, ng’atya Katonda era ng’agondera amateeka gonna ag’Ekiyudaaya, n’Abayudaaya bonna mu Damasiko nga bamussaamu ekitiibwa,

13 n’ajja okundaba n’ayimirira we ndi n’aŋŋamba nti, ‘Owooluganda Sawulo, zibuka amaaso!’ Mu ssaawa eyo yennyini ne nsobola okumulaba!

14 “Awo n’aŋŋamba nti, ‘Katonda wa bajjajjaffe akulonze otegeere by’ayagala era olabe Omutuukirivu we, era owulire okuyitibwa okuva mu kamwa ke.

15 Olituusa obubaka bwe mu bantu bonna ng’obategeeza by’olabye era ne by’owulidde.

16 Kaakano olinda ki? Situka obatizibwe onaazibweko ebibi byo nga
bw’oyatudde erinnya lye.’
17 “Ne nkomawo mu Yerusaalemi. Naye olunaku lumu bwe nnali mu
Yeekaalu nga nsaba, ne mbeera ng’eyeebase,
18 ne nfuna okwolesebwa ne ndaba Mukama waffe ng’ayogera nange,
n’aŋŋamba nti, ‘Yanguwa mangu ove mu Yerusaalemi, kubanga abantu
ba wano tebajja kukkiriza bubaka bwo bw’onoobategeeza obufa ku nze.’
19 “Ne nziramu nti, ‘Naye Mukama wange, abantu bonna bamanyi nga
bwe nagendanga mu buli kkuŋŋaaniro ne nzigyamu abakukkiriza, ne
mbatwala ne bakubwa emiggo n’okusibibwa ne basibibwa mu kkomera.
20 Era n’omujulirwa wo Suteefano bwe yali attibwa nnali nnyimiridde
awo era nga mpagira okuttibwa kwe, era nga ndabirira engoye z’abo
abaali bamutta.’
21 “Naye Mukama waffe n’aŋŋamba nti, ‘Vva mu Yerusaalemi, kubanga
nzija kukutuma mu bitundu bye wala mu baamawanga!’ ”

### *Pawulo Omuruumi*

22 Ekibiina ky’abantu ne bawuliriza Pawulo okutuusa lwe yatuuka ku
bigambo ebyo, bonna ne balyoka baleekaanira wamu nti, “Mumuggyeewo!
Mumutte! Tasaanira kuba mulamu!”
23 Ne bawowoggana nnyo nga bwe bakasuka n’engoye zaabwe waggulu
mu bbanga, ne bayoola enfuufu nga bagiyiwa mu bbanga.
24 Omukulu w’abaserikale n’ayingiza Pawulo munda mu nkambi
yaabwe, n’alagira akubwemu embooko nga bwe bamubuuza ayogere
omusango gwe yazzizza oguleetedde ekibiina kyonna okwecwacwana.
25 Bwe baali bamugalamizza nga bagenda okumusiba bamukube,
Pawulo n’abuuza omuserikale eyali amuyimiridde okumpi nti, “Amateeka
gabakkiriza okukuba omuntu Omuruumi nga temunnaba na kumu-
wozesa?”
26 Omuserikale n’agenda eri omuduumizi waabwe n’amutegeeza nti,
“Kiki kino ky’ogenda okukola? Omusajja ono Muruumi.”
27 Omuduumizi w’abaserikale n’ajja n’abuuza Pawulo nti, “Mbulira, oli
Muruumi?”
Pawulo n’amuddamu nti, “Yee, bwe kiri.”
28 Omuduumizi w’abaserikale n’amugamba nti, “Nange ndi Muruumi,
naye nabusasulira ensimbi nnyingi.”
Pawulo n’amuddamu nti, “Nze mwe nazaalirwa!”
29 Abaserikale abaali beetegese okumubuuza ne baseebulukuka ne
bavaawo bwe baategeera nga Pawulo Muruumi, n’omuduumizi waabwe
naye n’atya nnyo kubanga yali alagidde okumusiba n’okumukuba ki-
booko.
30 Enkeera omuduumizi w’abaserikale bwe yayagala okumanyira ddala
ensonga Abayudaaya gye bamulanze, n’asumulula Pawulo mu njegere,
n’alagira bakabona abakulu bayite Olukiiko lw’Abayudaaya Olukulu
lutuule. N’alagira Pawulo aleetebwe mu Lukiiko ensonga Abayudaaya gye
bamuvunaana eryoke etegeerebwe.

## 23

1 Awo Pawulo n’atunuulira Olukiiko enkaliriza, n’agamba nti, “Baganda
bange, obulamu bwange bwonna mbadde ntambulira mu makubo ga
Katonda okutuusiza ddala ne ku lunaku lwa leero.”
2 Bwe yayogera atyo, Ananiya, Kabona Asinga Obukulu, n’alagira abo
abayimiridde okumpi ne Pawulo bamukubemu oluyi ku mimwa.

3 Pawulo n’amugamba nti, “Naawe Katonda agenda kukukuba oluyi, oli ng’ekisenge ekiva okusiigibwa ennoni! Oli mulamuzi ki ggwe amenya amateeka ng’olagira bankube mu ngeri eyo, so ng’osuubirwa okugagoberera ng’onsalira omusango?”

4 Abo abaali bayimiridde okumpi ne Pawulo ne bamugamba nti, “Bw’otyo bw’oyogera ne Kabona Asinga Obukulu owa Katonda?”

5 Pawulo n’addamu nti, “Baganda bange, sitegedde nga ye Kabona Asinga Obukulu, kubanga Ebyawandiikibwa bigamba nti, ‘Toyogeranga bubi ku bafuzi bammwe.’ ”

6 Awo Pawulo bwe yalaba ng’abamu abali mu Lukiiko Basaddukaayo n’abalala nga Bafalisaayo, n’ayogerera mu ddoboozi ery’omwanguka eri olukiiko nti, “Baganda bange, nze ndi Mufalisaayo, ne bakadde bange Bafalisaayo! Kaakano mpozesebwa lwa kubanga nzikiriza nga waliwo okuzuukira kw’abafu!”

7 Bwe baawulira ebyo, Olukiiko ne lwawukanamu wabiri ne wabaawo empaka za maanyi wakati w’Abafalisaayo n’Abasaddukaayo,

8 kubanga Abasaddukaayo bagamba nti tewali kuzuukira wadde bamalayika, wadde omwoyo ogutafa, naye bo Abafalisaayo ebyo byonna babikkiriza.

9 Awo empaka ne zikwata wansi ne waggulu, abamu ku bannyonnyozi b’amateeka, nga ba mu kibiina kya Bafalisaayo, ne beekubira ku ludda lwa Pawulo nga bagamba nti, “Ffe tetulaba kisobyo kyonna omusajja ono ky’akoze. Obanga malayika yayogera naye, oba Mwoyo, ogwo nagwo guba musango?”

10 Ne beeyongera nnyo okuwakana ng’abamu Pawulo bamusika bamulaza eno, ng’abalala bamulaza eri. Okutuusa omuduumizi w’abaserikale lwe yatandika okutya ng’alaba Pawulo baagala kumuyuzaamu wabiri, n’alagira abaserikale be bagende bamubaggyeko n’amaanyi bamuzzeeyo munda mu nkambi yaabwe.

11 Ekiro ekyo Mukama waffe n’ayimirira awali Pawulo, n’amugamba nti, “Guma omwoyo, kubanga nga bw’onjulidde n’obuvumu wano mu Yerusaalemi, era bw’otyo bw’onookola ne mu Ruumi.”

### *Olukwe Okutta Pawulo*

12 Enkeera Abayudaaya ne bakuŋŋaana ne bakola olukwe. Ne beeyama nti tebajja kulya ku kintu kyonna oba okunywa, wabula nga bamaze okutta Pawulo!

13 Omuwendo gw’abantu abaali mu lukwe luno gwasinga ku makumi ana.

14 Awo ne bagenda eri bakabona abakulu n’abakulembeze baabwe ne babategeeza nti, “Twerayiridde obutalya kintu kyonna okutuusa nga tusse Pawulo.

15 Noolwekyo mugambe omuduumizi w’abaserikale akomyewo Pawulo mu Lukiiko. Mumugamba nti waliwo ebibuuzo bitonotono bye mwagala okwongera okumubuuza. Ffe tulyoke tumuttire mu kkubo nga bamuleeta.”

16 Naye mutabani wa mwannyina Pawulo bwe yategeera olukwe olwo n’agenda mu nkambi y’abaserikale n’ategeeza Pawulo.

17 Awo Pawulo n’ayita omuserikale atwala banne n’amugamba nti, “Twala omulenzi ono eri omuduumizi wammwe, kubanga alina ekintu ekikulu ky’ayagala okumutegeeza.”

18 Omuserikale n’atwala omulenzi eri omuduumizi waabwe n’amugamba nti, “Omusibe Pawulo ampise n’antuma ndeete omulenzi ono gy’oli ng’alina ky’ayagala okukutegeeza.”

19 Omuduumizi w’abaserikale n’akwata omulenzi ku mukono n’amuzza wabbali n’amubuuza nti, “Kiki ky’oyagala okuntegeeza?”

20 Omulenzi n’amubuulira nti, “Enkya Abayudaaya bajja kukusaba ozzeeyo Pawulo mu Lukiiko lwabwe, nga beekwasiza ku kwagala abeeko ky’ayongera okwennyonnyolako.

21 Tokkiriza! Kubanga waliwo abasajja amakumi ana abajja okwekwekerera abaserikale bo abanaaba bamutwala, bamufubutukireko bamutte. Kubanga beerayiridde obutalya n’obutanywa okutuusa nga bamaze okumutta. Kaakano bali eyo nga basuubira nti onokkiriza.”

22 Omuduumizi w’abaserikale bwe yali asiibula omulenzi n’amukuutira nti, “Tobuulirako muntu yenna nti ontegeezezza ebintu bino.”

### *Pawulo Atwalibwa e Kayisaliya*

23 Awo omuduumizi w’abaserikale n’ayita abamyuka be babiri n’abalagira nti, “Mutegeke ekibinja ky’abaserikale ebikumi bibiri, n’abeebagala embalaasi abaserikale nsanvu, n’ab’amafumu ebikumi bibiri, bagende e Kayisaliya ekiro kya leero ku ssaawa ssatu.

24 Mutegekeewo n’embalaasi Pawulo z’ajja okweyambisa mu lugendo alyoke atwalibwe bulungi atuusibwe mirembe ewa Gavana Ferikisi.”

25 Awo n’awandiikira gavana ebbaluwa eno nti:

26 Nze Kulawudiyo Lusiya, nkulamusa Oweekitiibwa Gavana Ferikisi.

27 Omusajja ono Abayudaaya baamukwata, naye baali bagenda okumutta, nze kwe kuweerezaayo abaserikale bange ne bamutaasa, kubanga nnali ntegedde nga Muruumi.

28 Awo ne mmutwala mu Lukiiko lwabwe ntegeere ekisobyo kye yali akoze.

29 Ne nvumbula ng’ensonga ze baali bamuvunaana zaali zifa ku bya kukkiriza kwabwe na by’amateeka gaabwe naye nga tezisaanyiza kussa muntu wadde okumusibya mu kkomera.

30 Naye bwe nategeezebwa nti waliwo olukwe olw’okumutta, kwe kusalawo okukumuweereza, era nzija kulagira baleete ensonga zaabwe gy’oli.

31 Awo abaserikale ne basitula ekiro ekyo, nga bwe baalagirwa, ne batwala Pawulo ne batuuka mu Antipatuli.

32 Enkeera ekibinja eky’oku mbalaasi ne kitwala Pawulo e Kayisaliya, abaserikale abalala bo ne baddayo mu nkambi yaabwe.

33 Abaserikale ab’omu kibinja eky’oku mbalaasi bwe baatuuka e Kayisaliya ne batwala Pawulo ewa gavana n’ebbaluwa ne bagiwaayo.

34 Gavana bwe yamala okugisoma, n’abuuza Pawulo essaza mw’ava. Pawulo n’addamu nti, “Nva mu Kirukiya.”

35 Awo gavana n’amugamba nti, “Abakuvunaana bwe banaatuuka ne ndyoka mpulira ensonga zo mu bujjuvu.” N’alagira bagira bamukuumira mu kkomera eriri mu lubiri lwa Kerode.

## 24

### *Pawulo Awozesebwa mu Maaso ga Ferikisi*

1 Awo nga wayiseewo ennaku ttaano, Ananiya, Kabona Asinga Obukulu, n’atuuka mu Kayisaliya ng’ali n’abamu ku bakulembeze b’Abayudaaya

era ng’aleese n’omwogezi omulungi erinnya lye Terutuulo, eyannyonnyola gavana emisango egyali givunaanibwa Pawulo.

2 Pawulo bwe yaleetebwa, Terutuulo n’ayitibwa ategeeze ekivunaanibwa Pawulo, n’awoza bw’ati nti, “Oweekitiibwa, ffe Abayudaaya otuwadde eddembe, n’enkulaakulana olw’amagezi go.

3 Tukwebaza nnyo olwa bino byonna by’otukoledde.

4 Obutayagala kukukooya, nsaba ompulirize akaseera katono nga mpitaayita mu byangu ku nsonga ze tuvunaana omusajja ono.

5 “Omusajja ono tumulabye nga wa mutawaana nnyo, kubanga akuma omuliro mu Bayudaaya bonna mu nsi yonna, basasamale era bajeemere gavumenti y’Abaruumi, omukulembeze mu ttabi ly’eddiini erimanyiddwa ng’ery’Abannazaalaayo.

6 N’okugezaako yali agezaako okwonoona Yeekaalu, ne tumukwata. Twali tugenda okumusalira omusango n’ekibonerezo ng’amateeka gaffe bwe galagira,

7 naye Lusiya, omuduumizi w’abaserikale n’ajja n’atumuggyako n’amaanyi,

8 n’alagira nti awozesebwe mu mateeka g’Ekiruumi, era n’alagira abamuwawaabira bajje wano mu maaso go. Bw’onoogenda ng’omubuuza ebintu bino byonna, amazima g’ensonga zaffe gajja kweyoleka.”

9 Olwo n’Abayudaaya abalala ne boogera nga bawagira ebyo Terutuulo bye yawoza nti bya mazima.

10 Oluwalo lwa Pawulo ne lutuuka, gavana n’amuwenya asituke ayogere. Pawulo n’ayanukula nti, “Mmanyi, ssebo, nga bw’osaze emisango egifa ku nsonga zaffe ez’Ekiyudaaya okumala emyaka emingi, ekyo kimpa obugumu nga mpoleza mu maaso go.

11 Ggwe bw’onoobuuza, ojja kuzuula nti ennaku tezinnayita kkumi na bbiri kasookedde nyambuka mu Yerusaalemi okusinza mu Yeekaalu.

12 Abo abampawaabira tebansisinkanangako nga nnina gwe nnyumya naye mu Yeekaalu, wadde nga nsasamaza ekibiina mu kuŋŋaaniro oba awalala wonna mu kibuga.

13 Era tebayinza kukulaga bukakafu bwonna ku bintu bino bye bampawaabira nti nabikola.

14 Naye waliwo ekintu kimu kye nzikiriza. Nsinza Katonda nga nzikiririza mu Kkubo, bano kye bayita enzikiriza endala. Nsinza Katonda n’okumuweereza nga ngoberera empisa za bajjajjaffe n’obulombolombo, nga bwe baabitegeka, era nzikiririza ddala mu mateeka g’Ekiyudaaya ne mu byonna ebyawandiikibwa mu bitabo bya bannabbi.

15 Era nzikiriza, nga bano bwe bakkiriza, nti walibaawo okuzuukira kw’abatuukirivu n’ababi.

16 Olw’essuubi lino lye nnina, nfuba bulijjo okuba n’emmeeme ennongoofu eri Katonda n’eri abantu.

17 “Oluvannyuma lw’emyaka mingi, nga siriiwo, nakomawo mu Yerusaalemi ng’Abayudaaya mbaleetedde n’ensimbi ez’okubayamba, nga nange neeretedde ekirabo eky’okuwaayo eri Katonda mu Yeekaalu.

18 Bano abampawaabira bansanga ndi mu kusinza kuno mu Yeekaalu, nga nneerongoosezza, mmaze n’okumwa omutwe ng’amateeka bwe galagira, nga tewaliiwo kibiina kinneetoolodde, era nga tewali kasasamalo.

19 Naye waliwo Abayudaaya abava mu kitundu kye Asiya era basaanye babeewo wano boogere obanga balina kye banvunaana.

20 Oba si ekyo buuza bano abali wano kaakano, bakutegeeze omusango Olukiiko lw’Abayudaaya Olukulu gwe lwandabako, bwe nayimirira mu maaso gaalwo.

21 Mpozzi kino ekimu kye nayogera nti, ‘Ndi wano mu Lukiiko nga mpozesebwa olwokubanga nzikiriza okuzuukira kw’abafu!’ ”

22 Awo Ferikisi, eyali amanyi obulungi ebikwata ku Kkubo, n’agamba Abayudaaya nti, “Lusiya, omuduumizi w’abaserikale mu Yerusaalemi, bw’alituuka ne ndyoka nsala omusango gwammwe.”

23 N’alagira Pawulo azzibweyo mu kkomera akuumibwe, naye ng’alekerwamu ku ddembe, ne mikwano gye bakkirizibwe okujjanga okumulaba n’okumuleetera bye yeetaaga.

24 Awo nga wayiseewo ennaku ntonotono, Ferikisi n’ajja ne mukyala we Dulusira, eyali Omuyudaaya. N’atumya Pawulo, ne bamuwuliriza ng’abategeeza ku kukkiriza Kristo Yesu.

25 Awo Pawulo bwe yagenda abannyonnyola ebikwata ku butuukirivu, n’okwefuga mu bikolwa, n’okusalirwa omusango okugenda okujja, Ferikisi n’atya nnyo, n’agamba Pawulo nti, “Ebyo binaagira bimala! Kaakano genda, bwe ndifuna ekiseera ekirungi ndyongera okukuyita.”

26 Era Ferikisi yali asuubira nti Pawulo ajja kumuwa enguzi, kyeyava amutumya emirundi mingi n’ayogera naye.

27 Ne wayitawo emyaka ebiri, Polukiyo Fesuto n’adda mu bigere bya Ferikisi. Naye Ferikisi olw’okwagala Abayudaaya bamusiime, bwe yali agenda n’aleka nga Pawulo musibe mu kkomera.

# 25

### *Pawulo Ajulira ewa Kayisaali*

1 Fesuto yamala ennaku ssatu mu Kayisaliya ng’azze okutandika emirimu gye emiggya, n’asitula okugenda e Yerusaalemi.

2 Bwe yali ali eyo, bakabona abakulu n’abakulembeze b’Abayudaaya ne bamutegeeza bye baali bavunaana Pawulo.

3 Ne bamwegayirira abayambe atumye Pawulo aleetebwe mu Yerusaalemi, kubanga baali bategeka bamuttire mu kkubo.

4 Naye Fesuto n’abaddamu nti, “Nga Pawulo bw’ali mu Kayisaliya, ate nga nange nzija kuddayo mu nnaku ntono,

5 abakulembeze mu nsonga ezo tugende nabo nga nzirayo.” Obanga waliwo omusango Pawulo gw’azizza baguleete mu mbuga z’amateeka awozesebwe.

6 Oluvannyuma lw’ennaku nga munaana oba kkumi, Fesuto n’aserengeta mu Kayisaliya, era bwe yatuuka, enkeera n’alagira Pawulo aleetebwe mu mbuga z’amateeka.

7 Awo Pawulo bwe yaleetebwa, Abayudaaya abaava e Yerusaalemi ne baleeta emisango mingi egy’amaanyi bamuvunaane kyokka nga tebayinza kulaga bukakafu bwagyo.

8 Pawulo n’awoza ng’agamba nti, “Simenyanga mateeka ga Kiyudaaya n’akamu, era siyonoonanga Yeekaalu, so sijeemeranga Kayisaali.”

9 Fesuto, olw’okwagala okusanyusa Abayudaaya, n’abuuza Pawulo nti, “Oyagala okugenda e Yerusaalemi gy’oba owoleza emisango gino mu maaso gange?”

10 Awo Pawulo n’addamu nti, “Kaakano nyimiridde mu maaso g’embuga ya Kayisaali era we nteekwa okuwozesebwa. Naawe omanyidde ddala bulungi nga bwe sirina musango gwonna gwe nazza ku Bayudaaya.

11 Naye obanga waliwo omusango gwe nazza, ne gunsaanyiza okufa, nange sigaana kufa! Naye obanga siriiko musango, ng'emisango gyonna Abayudaaya bano gye bankakaatikako gya bulimba bwereere, ggwe tolina kw'osinziira wadde omuntu omulala yenna, okumpaayo gye bali okunzita. Njulidde eri Kayisaali."

12 Fesuto, bwe yamala okuteesaamu n'abamuwa amagezi, n'addamu nti, "Nga bw'ojulidde ewa Kayisaali, kale, onootwalibwa ewa Kayisaali."

### *Fesuto Yeebuuza ku Kabaka Agulipa*

13 Awo bwe waayitawo ennaku Kabaka Agulipa ne Berenike ne batuuka mu Kayisaliya okukyalira Fesuto.

14 Ku bugenyi baamalako ennaku nnyingi, era mu bbanga eryo Fesuto n'ategeeza kabaka eby'omusango gwa Pawulo. N'amugamba nti, "Waliwo omusajja wano Ferikisi gwe yaleka mu kkomera nga musibe.

15 Bwe nnali mu Yerusaalemi, bakabona ne bantegeeza emisango gye baali bamuvunaana, ne bansaba musalire omusango gumusinge era abonerezebwe.

16 "Ne mbannyonnyola nti mu mateeka g'Ekiruumi, omuntu tasalirwa musango kumusinga nga tamaze kuwozesebwa n'aweebwa omukisa okuwoza n'abamuwawaabira.

17 Bwe bajja wano okuwoza omusango ogwo, enkeera ne mpita Pawulo n'ajja mu mbuga z'amateeka.

18 Naye emisango gye baamuwawaabira si gye gyo gye nnali nsuubira.

19 Gyali gikwata ku bya ddiini yaabwe, ne ku muntu ayitibwa Yesu eyafa, naye Pawulo gw'ategeeza abantu nti mulamu!

20 Ebyo ne binnemesa. Kwe ku mubuuza obanga yandyagadde emisango egyo okugiwoleza mu Yerusaalemi.

21 Naye Pawulo n'ajulira eri Kayisaali! Bwe ntyo ne mmuzzaayo mu kkomera, nteeketeeke okumuweereza eri Kayisaali."

22 Agulipa n'agamba nti, "Nange nandiyagadde okuwulira ku musajja ono by'agamba." Fesuto n'addamu nti, "Enkya onoomuwulira."

### *Pawulo mu Maaso ga Agulipa*

23 Awo ku lunaku olwaddirira Agulipa ne Berenike ne bayingira n'ekitiibwa kinene nnyo mu kisenge ekinene we batuukira, nga bawerekerwako abaserikale n'abantu abatutumufu mu kibuga. Fesuto n'alagira ne baleeta Pawulo.

24 Fesuto n'alyoka agamba nti, "Kabaka Agulipa, nammwe mwenna abali wano ono ye musajja, Abayudaaya aba kuno n'abo ab'omu Yerusaalemi, gwe bansabye attibwe!

25 Nze nga bwe ndaba, talina ky'akoze kimusaanyiza kufa. Naye bwe yajulira eri Kayisaali, nange kwe kusalawo okumuweereza e Ruumi.

26 Naye bye nnassa mu bbaluwa emutwala eri Kayisaali nange bimbuze, kubanga taliiko musango gwennyini gwe yazza! Kyenvudde muleeta mu maaso gammwe mwenna, n'okusingira ddala gy'oli, Kabaka Agulipa, nga neesiga ng'okuva mu ebyo bye munaamubuuza, naye by'anaddamu, nzija kufunamu bye nnassa mu bbaluwa ya Kayisaali.

27 Kubanga sirowooza nti kirungi okuweereza omusibe eri Kayisaali ng'omusango gw'azizza tegunnyonnyose."

## 26

### *Empoza ya Pawulo mu Maaso ga Agulipa*

1 Agulipa n’agamba Pawulo nti, “Okkirizibbwa okuwoza ensonga zo.” Awo Pawulo n’agolola omukono gwe, n’awoza nti,

2 “Kabaka Agulipa, nnina omukisa okuwoleza mu maaso go leero, nga nnyanukula byonna Abayudaaya bye banvunaana,

3 kubanga mmanyi ng’empisa z’Ekiyudaaya, zonna ozitegeera bulungi. Kyenva nkusaba ompulirize n’obugumiikiriza.

4 “Nayigirizibwa n’obwegendereza mu mpisa z’Ekiyudaaya okuviira ddala mu buto bwange mu kibuga ky’ewaffe e Taluso ne mu Yerusaalemi, era ne ntambulira mu mpisa ezo obulamu bwange bwonna. Ebyo byonna Abayudaaya bonna babimanyi bulungi.

5 Era bammanyidde ebbanga ddene nnyo, singa babadde baagala bandinjulidde, nga ndi munnakibiina eky’Abafalisaayo, eky’omu ddiini yaffe ekisingira ddala okunonooza mu buli nsonga ey’Ekiyudaaya.

6 Kaakano nnyimiridde nga nvunaanibwa, kubanga nnina essuubi mu ebyo Katonda bye yasuubiza bajjajjaffe,

7 ebika byaffe ekkumi n’ebibiri bye basuubira okutuukako nga banyiikira okusinza emisana n’ekiro; era olw’essuubi eryo, ayi kabaka, Abayudaaya kyebavudde banvunaana.

8 Kiki ekibalowoozesa nti tekiyinzika Katonda okuzuukiza abafu?

9 “Nze ku lwange nalowooza nti kiŋŋwanidde okuyigganya erinnya lya Yesu Omunnazaaleesi, n’obukambwe bungi.

10 Bwe ntyo ne mbikola ne mu Yerusaalemi era ne nsiba abatuukirivu bangi mu makomera, era ne mpeebwa n’obuyinza okuva eri bakabona abakulu; abatukuvu ne bwe battibwanga, nga nkiwagira.

11 Ne mu makuŋŋaaniro gonna wonna ne mbasindiikirizanga nga mbawalirizanga okuvvoola, ne mbasunguwaliranga nnyo, ne mbayigganyanga okutuuka ne mu bibuga eby’ewala.

12 “Awo bwe nnali nga ndaga e Damasiko, nga ndagiddwa era nga mpeereddwa obuyinza okuva eri bakabona abakulu,

13 nga ndi mu kkubo mu ttuntu, ayi Kabaka, ne ndaba ekitangaala ekyaka okusinga eky’enjuba, ne kinjakira ne bannange be nnali ntambula nabo.

14 Ffenna bwe twagwa wansi, ne mpulira eddoboozi nga liŋŋamba mu Lwebbulaniya nti, ‘Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki? Weerumya wekka bw’osamba ku nkato.’

15 Ne mbuuza nti, ‘Ggwe ani Mukama wange?’ Mukama waffe n’addamu nti, ‘Nze Yesu, gw’oyigganya.

16 Naye golokoka. Nkulabikidde, nkulonde obeere omuweereza wange era omujulirwa w’ebyo mw’ondabidde era ow’ebyo mwe nnaakulabikiranga.

17 Era ndikuwonya mu bantu bano ne mu baamawanga gye ndikutuma

18 okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n’okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n’abo abatukuzibwa olw’okunzikiriza.’

19 “Bwe ntyo, Ayi Kabaka Agulipa, ne sinyooma kwolesebwa okwo okwava mu ggulu,

20 naye ne nsookera ku b’omu Damasiko, ne nzizaako ab’omu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna, n’eri Abaamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby’okwenenya ebisaanira.

21 Eyo y’ensonga Abayudaaya kyebaava bankwata nga ndi mu Yeekaalu
ne bagezaako n’okunzita.
22 Katonda kyavudde ankuuma okutuusa leero ndyoke nyimirire nga ndi
mujulirwa eri ab’ekitiibwa era n’aba bulijjo, nga sirina kirala kye njogera,
wabula ebyo bannabbi ne Musa bye baategeeza nga bigenda okujja
23 nti Kristo kimugwanira okubonaabona, era abeere omubereberye
mu kuzuukira kw’abafu, alyoke aleetere abantu bano n’Abamawanga
omusana.”
24 Awo Pawulo bwe yali akyawoza Fesuto n’aleekaana mu ddoboozi
ery’omwanguka nti, “Pawulo, olaluse! Okusoma ennyo kukusudde
eddalu!”
25 Pawulo n’addamu nti, “Siraluse, Oweekitiibwa Fesuto. Ebigambo bye
njogera bya nsonga era bya mazima.
26 Era ebintu bino Kabaka Agulipa abitegeera, noolwekyo nnyinza
okubimubuulira nga seekomoma. Era nkakasa nga tewali na kimu ku
bintu bino ky’ataamanya, kubanga tebyakolerwa mu nkiso!
27 Kabaka Agulipa, bannabbi obakkiriza? Mmanyi ng’obakkiriza.”
28 Agulipa n’agamba Pawulo nti, “Onsendasenda nfuuke Omukristaayo
mu kaseera kano akatono bwe kati?”
29 Pawulo n’addamu nti, “Nsaba Katonda, mu kaseera katono oba mu
kiseera kinene, ggwe ne bonna abampuliriza kaakano, bafuuke nga nze,
okuggyako enjegere zino ezinsibiddwa.”
30 Awo Kabaka, ne gavana ne Berenike, n’abalala bwe baali batudde, ne
basituka ne bafuluma.
31 Bwe badda ebbali ne bakkiriziganya ne bagamba nti, “Omusajja ono
talina ky’akoze kimusaanyiza kuttibwa wadde okusibwa mu njegere.”
32 Agulipa kwe kugamba Fesuto nti, “Omusajja ono yanditeereddwa
singa teyajulira wa Kayisaali.”

# 27

*Pawulo Agenda e Ruumi*

1 Awo bwe kyasalibwawo tusaabale ku nnyanja tugende mu Italiya,
Pawulo n’abasibe abalala ne bakwasibwa omuserikale omukulu
w’ekitongole ky’abaserikale ekikumi, erinnya lye Yuliyo, eyali ow’omu
kibinja kya Kayisaali Agusito.
2 Ekyombo eky’e Adulamutiyo ekyali kinaatera okuseeyeya ku lubalama
lwa Asiya; ne tusitula nga ne Alisutaluuko Omumakedoni ow’e Sessaloni-
ika ali naffe.
3 Ku lunaku olwaddirira ne tugoba ku mwalo gw’e Sidoni, Yuliyo
n’akolera Pawulo eky’ekisa n’amukkiriza n’agenda ku lukalu eri mikwano
gye ne bamusembeza.
4 Bwe twasitula, empewo n’etufuluma mu maaso, ne tusaabala ne tuyita
ku mabbali ga Kupulo.
5 Bwe twamala okuva mu nnyanja wakati ne tuyita ku lubalama lwa
Kirukiya ne Panfuliya, ne tugoba ku mwalo Mula ogw’e Lukiya.
6 Eyo omukulu w’ekitongole n’alabawo ekyombo ekyali kiva mu
Alegezanderiya nga kiraga mu Italiya, n’atusaabaza omwo.
7 Twamala ennaku nnyingi ng’ennyanja yeefuukudde, nga tugenda
mpola, ne tusemberera olubalama lw’e Kunido mu buzibu bungi naye ne
tuteeyongerayo mu maaso ng’omuyaga gutuyitiridde, ne tusala ne tugenda
ku luuyi olumu olwa Kuleete nga tuva ku mwalo gwa Salumone.

8 Ne tusaabala mu buzibu bungi ne tuyita ku lubalama okumpi n’ekifo
ekiyitibwa Emyalo Emirungi ekiriraanye ekibuga Laseya.

### *Okulabula kwa Pawulo Kulagajjalirwa*

9 Bwe waayitawo ebbanga ddene, n’obudde nga butandise okwonoonek-
era ddala, era nga kyakabi okwolekera olugendo, ate era nga n’ekisiibo
kyayita dda, Pawulo n’abawa amagezi,
10 ng’agamba nti, “Bassebo, ndaba nti olugendo lujja kubeeramu
emitawaana n’okufiirwa kungi, si kwa bintu byokka n’ekyombo, naye
n’obulamu bwaffe.”
11 Naye omukulu w’ekitongole n’awalirizibwa okugondera amagezi
g’omugoba w’ekyombo ne nannyini kyo okusinga Pawulo bye yayogera.
12 Olw’okubanga omwalo tegwali mulungi okwewogomamu mu kiseera
ky’obutiti, abasinga obungi kyebaava basemba eky’okweyongerayo, nga
basuubira nti obanga kisoboka tutuuke e Foyiniiki, we baba bamala
ekiseera eky’obutiti ku mwalo gwa Kuleete ogwali gutunuulidde obuki-
ikaddyo n’ebugwanjuba, n’obukiikakkono n’ebugwanjuba.

### *Omuyaga*

13 Mu kiseera ekyo empewo n’efuluma mu bukiikaddyo nga
nzikakkamu, ne balowooza nti kye baali bagenderera bakifunye ne
basikayo ennanga ne bagendera kumpi n’olukalu lwa Kuleete.
14 Naye waali tewannayita bbanga ddene, omuyaga ogw’amaanyi ennyo
oguyitibwa Ewulakulo, ne gukunta n’amaanyi mangi nnyo.
15 Ne gufuuwa ekyombo ne kiva mu kkubo lyakyo, ne kitayinza
kwolekera muyaga, ne tuguleka ne gututwala nga bwe gwayagala.
16 Oluvannyuma ne tuyita ku mabbali g’akazinga akayitibwa Kawuda,
mu kutegana,
17 ne tukwata akaato akeeyambisibwa mu kabenje, ne bakasibira okwo
n’emiguwa okwetooloola ekyombo, ne bakanyweza. Olw’okutya nti
ekyombo kiyinza okuwagamira mu musenyu gwa Suluti, kyebaava bassa
ettanga eddene ne baleka ekyombo ne kitwalibwa omuyaga.
18 Olunaku olwaddirira omuyaga ne gweyongera amaanyi, abalun-
nyanja ne batandika okusuula mu nnyanja ebintu ebyali mu kyombo.
19 Ne ku lunaku olwokusatu ne bakwata ebintu ebikola ku kyombo ne
babisuula mu nnyanja.
20 Ne tumala ennaku nnyingi nga tetulabye ku njuba wadde emun-
yeenye, gwo omuyaga nga gutuzunza n’amaanyi gaagwo gonna; olwo
essuubi lyaffe lyonna ery’okuwona ne lituggweeramu ddala.

### *Obuvumu bwa Pawulo n’Okukkiriza kwe*

21 Bwe baamala ebbanga nga n’okulya tebaagala kulya, Pawulo n’alyoka
ayimirira wakati mu bo, n’abagamba nti, “Abasajja kyabagwanira
okumpuliriza obutava Kuleete, kubanga temwandifiiriddwa byammwe
bwe muti awamu n’okulumizibwa!
22 Naye kaakano mugume omwoyo! Kubanga tewali n’omu ajja kufa,
wabula ekyombo kyokka kye kijja okuzikirira.
23 Kubanga ekiro ekyayise, malayika wa Katonda wange gwe mpeereza,
yayimiridde we ndi,
24 n’aŋŋamba nti, ‘Totya, Pawulo, kubanga kikugwanira okuyimirira
mu maaso ga Kayisaali owozesebwe, era laba, Katonda akuwadde
obuvunaanyizibwa ku abo bonna b’oli nabo mu kyombo.’

25 Noolwekyo mugume omwoyo! Kubanga nzikiriza Katonda nga mu
ngeri yonna kijja kuba nga bwe kyaŋŋambiddwa.
26 Naye kitugwanidde okusuulibwa ku kizinga."

### *Ekyombo Kisaanawo*

27 Mu kiro eky'ekkumi n'ebina embuyaga bwe yali etuwuuba eno n'eri
mu Nnyanja Aduliya, mu ttumbi abalunnyanja ne bateebereza nti olukalu
luli kumpi.
28 Ne bapima ne balaba ng'obuwanvu bw'amazzi okukka wansi buli
mita amakumi asatu mu musanvu. Bwe waayitawo akabanga ate ne
bapima ne basanga nga mita amakumi abiri mu musanvu.
29 Bwe baatya okutomera enjazi ku lubalama ne basuula ennanga nnya
emabega, ne basabirira obudde okukya.
30 Abamu ku balunnyanja ne bateesa okwabulira ekyombo ne bassa
akaato akeyambisibwa mu kabenje, nga beefuula ng'abagenda okusuula
ennanga mu maaso g'ekyombo.
31 Naye Pawulo n'agamba omukulu w'ekitongole n'abaserikale be
nti, "Mwenna temujja kuwona okuggyako ng'abasajja bano basigala ku
kyombo."
32 Awo abaserikale ne basala emiguwa egyali gikutte akato, ne bakaleka
ne kagwayo.
33 Awo obudde bwali bunaatera okukya, Pawulo ne yeegayirira buli
muntu alye ku mmere, ng'abagamba nti, "Leero lunaku lwa kkumi na
nnya nga mulindirira nga temulidde, ate era mukyeyongera obutalya.
34 Noolwekyo mubeeko ke mulya, kubanga ekyo kye kijja okubalokola
so tewaabe n'omu ku mmwe anaavibwako luviiri lwe ku mutwe gwe."
35 Awo Pawulo bwe yamala okwogera ebyo, n'addira omugaati, ne
yeebaza Katonda mu maaso gaabwe bonna, n'amenya omugaati n'alya.
36 Amangwago buli omu n'atandika okulya ku mmere.
37 Abaali ku kyombo bonna awamu baali ebikumi bibiri mu nsanvu mu
mukaaga.
38 Bonna bwe baamala okulya nga bakkuse, ne basuula eŋŋaano mu
nnyanja okwongera okuwewula ku kyombo.
39 Awo obudde bwe bwakya ne batalaba lukalu naye ne balengera
ekikono ky'ennyanja nga kirina ekibangirizi eky'omusenyu ku lubalama,
ne baagala bagobye okwo ekyombo.
40 Ne bakutula ennanga, ne bazireka mu nnyanja, ne basumulula
emiguwa egikwata enkasi ne bawanika ettanga ery'omu maaso g'ekyombo
empewo eryoke ekitwale mu maaso, ne balyoka boolekera olukalu.
41 Naye ekyombo ne kyeggunda mu musenyu engezi ebbiri we zaali
zisisinkana, ekitundu eky'omu maaso ne kiwagamira mu musenyu nga
tekinyeenya, eky'emabega ne kisigala wabweru waggulu, ng'amayengo
ag'amaanyi gakikuba, era ne kitandika okumenyekamenyeka.
42 Abaserikale ne bateesa batte abasibe bonna, si kulwa nga bawuga ne
batuuka ku lukalu ne babomba.
43 Naye olwokubanga Yuliyo yayagala okuwonya Pawulo, amagezi ago
n'agagaana. Awo n'alagira buli muntu asobola okuwuga awuge alage ku
lukalu,
44 n'abo abatasobola kuwuga bagezeeko okweyambisa ebitundutundu
by'embaawo ebyali bimenyese ku kyombo. Awo buli muntu n'atuuka
bulungi ku lukalu nga taliiko kamogo.

# 28

*Pawulo mu Merita*

1 Awo bwe twamala okutuuka obulungi ku lukalu ne tulyoka tutegeera nti tuli ku kizinga Merita.
2 Bannansi b'oku kizinga baatulaga ekisa kingi ekitali kya bulijjo, ne bakuma omuliro ne twota, kubanga obudde bwali bwa butiti nga n'enkuba etandise okutonnya.
3 Pawulo yali akuŋŋaanyizza akaganda k'obuku, naye yali akassa ku muliro, omusota ogw'obutwa ennyo ne guva mu buku obwo ne gweripa ku mukono gwe.
4 Bwe baalaba ekintu ekireebeeta ku mukono gwa Pawulo ne bagambagana nti, "Ddala oyo mutemu. Newaakubadde ng'ennyanja yagiwonye, naye era omusango gukyamulondoola teguumuganye kulama!"
5 Naye Pawulo omusota n'agukunkumulira mu muliro n'atabaako kabi konna.
6 Abantu ne balindirira balabe bw'atandika okuzimba oba okugwa eri afiirewo, naye bwe baalindiririra ebbanga eddene nga tebamulabako kamogo, ne baddamu okwerowooza, ne bagamba nti, "Oyo katonda!"
7 Waaliwo ennimiro okuliraana n'olubalama lw'ennyanja we twali, nga ya Pabuliyo eyali omukulu w'ekizinga ekyo. Awo n'atwaniriza mu maka ge n'atusembeza n'atulabirira okumala ennaku ssatu.
8 Mu kiseera ekyo kitaawe yali mulwadde omusujja ng'alimu ekiddukano ky'omusaayi. Pawulo n'agenda gy'ali n'amusabira, n'amussaako emikono n'amuwonya!
9 Ekyo bwe kyabaawo, n'abalwadde abalala bonna ku kizinga abaalina endwadde ne bajja gy'ali ne bawonyezebwa.
10 Ne batuwa ebirabo bingi, era ekiseera kyaffe eky'okusaabala ku nnyanja bwe kyatuuka, ne batuleetera ebintu bingi ku kyombo bye twali twetaaga okukozesa mu lugendo lwaffe.

*Pawulo Atuuka mu Ruumi*

11 Oluvannyuma lw'emyezi esatu ne tulyoka tusitula. Twagendera mu kyombo eky'e Alegezanderiya ekiyitibwa Abooluganda Abalongo. Kyali kyewogomye awo ku kizinga okumala obudde bwonna olw'obutiti.
12 Ne tusooka okugoba mu Sirakusi, ne tumalawo ennaku ssatu.
13 Bwe twava awo ne twetooloola ne tutuuka e Regio. Oluvannyuma lw'olunaku lumu ne tujjirwa empewo eva obukiikaddyo bwa bugwanjuba, olunaku olwaddirira ne tutuuka e Putiyooli.
14 Wano twasangawo abooluganda, ne batusaba tubeere nabo ennaku musanvu. Bwe twava awo ne tutuuka e Ruumi.
15 Abooluganda abaali eyo bwe baawulira ebyatutuukako, ne bajja okutusisinkana mu Katale ka Apiya ne ku Bisulo Ebisatu. Pawulo bwe yabalaba ne yeebaza Katonda era n'aguma omwoyo.

*Pawulo Abuulira mu Ruumi nga bw'Akuumibwa*

16 Bwe twatuuka mu Ruumi Pawulo n'akkirizibwa okubeera yekka, kyokka ng'abeera n'omuserikale amukuuma.
17 Awo nga wayiseewo ennaku ssatu, Pawulo n'ayita abakulembeze b'Abayudaaya. Bwe baakuŋŋaana n'ayogera nabo nti, "Abasajja baganda bange, Abayudaaya bankwatira bwereere mu Yerusaalemi, ne bampaayo mu Baruumi, so nga sirina ky'ensobezza ku bantu, wadde ku mpisa z'abajjajjaffe wadde obulombolombo.

18 Abaruumi ne bampozesa, era ne baagala okunta, kubanga tebaal-
abawo musango gwe nzizizza gunsaanyiza kufa.
19 Naye Abayudaaya bwe baagaana okukkiriza ensala eyo, ne mpaliriz-
ibwa okujulira ewa Kayisaali, newaakubadde nga saaliko kye mpawaabira
bantu ba ggwanga lyange.
20 Noolwekyo mbayise wano tumanyagane era twogeraganye.
Olw’essuubi lya Isirayiri, kyenvudde nsibibwa n’olujegere luno.”
21 Ne bamuddamu nti, “Tetufunanga ku bbaluwa ziva mu Buyudaaya
nga zikwogerako, wadde baganda baffe okubaako bye batutegeeza ku
ggwe nga bibi.
22 Kyokka twagala okuwulira ebirowoozo byo ku kibiina ekyo, kubanga
tumanyi nti buli wamu teriiyo gw’owulira ng’akyogerako bulungi.”
23 Awo ne bategeka olunaku, era ku olwo abantu ne bajja bangi, mu kifo
we yasulanga. N’abannyonnyola ng’ajulira obwakabaka bwa Katonda,
n’abategeeza ku Yesu, nga byonna abyesigamya ku mateeka ga Musa ne
ku bannabbi. Yatandika ku nkya n’amala akawungeezi.
24 Abamu ne bakkiriza bye yayogera, naye abalala ne batakkiriza.
25 Awo nga balemeddwa okukkiriziganya, Pawulo n’abasiibuza
ebigambo bino nti, “Mwoyo Mutukuvu yali mutuufu bwe yayogera eri
bajjajjammwe ng’ayita mu nnabbi Isaaya nti,
26 “ ‘Genda eri abantu bano obagambe nti,
Okuwulira muliwulira, naye temulitegeera
n’okulaba muliraba naye temulyetegereza.
27 Kubanga omutima gw’abantu bano gugubye.
N’amatu gaabwe gazibikidde,
n’amaaso gaabwe gazibiridde.
Si kulwa nga balaba n’amaaso gaabwe,
ne bawulira n’amatu gaabwe,
ne bategeera n’emitima gyabwe,
ne bakyuka okudda gye ndi, ne mbawonya.’
28 “Noolwekyo mumanye nti obulokozi obuva eri Katonda buweereddwa
Abaamawanga era bajja kubuwuliriza.”
29 Pawulo bwe yamala okwogera ebyo, Abayudaaya ne bagenda nga
bawakana nnyo bokka na bokka.
30 Awo Pawulo n’amala emyaka ebiri miramba ng’asula mu nnyumba
ye gye yeepangisiza, era n’ayanirizanga buli eyajjanga okumulaba.
31 N’abuuliranga obwakabaka bwa Katonda, era n’ayigirizanga
ebigambo bya Mukama waffe Yesu Kristo mu lwatu nga tewali amuziyiza.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Abaruumi

1 Nze Pawulo, omuddu* wa Yesu Kristo, Mukama waffe Kristo, nayitibwa
okuba omutume, eyayawulibwa okubuulira Enjiri ya Katonda,
2 gye yasuubiriza mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu,
3 ebyogera ku Mwana we, eyava mu zadde lya Dawudi mu mubiri,
4 eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo
Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe.
5 Mu Yesu Kristo Mukama waffe, mwe twaweerwa ekisa, ne mpitibwa
okuba omutume, amawanga gonna galyoke gamugondere mu kukkiriza
ku lw'erinnya lye.
6 Nammwe muli mu abo abaayitibwa okuba abayigirizwa ba Yesu Kristo.

7 Mpandikira abo bonna ababeera mu Ruumi, abaagalwa ba Katonda,
abaayitibwa okuba abatukuvu.†

Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Yesu Kristo Mukama waffe, bibeerenga nammwe.

### *Pawulo Ayagala Okukyala mu Ruumi*

8 Okusooka neebaza nnyo Katonda wange ku lwammwe mwenna, ku
bwa Yesu Kristo, olw'okukkiriza kwammwe okunywevu okwogerwako mu
nsi yonna.
9 Katonda gwe mpeereza n'omutima gwange gwonna nga mbulira Enjiri
ey'Omwana we, ye mujulirwa wange, nga bwe mbasabira bulijjo,
10 nga mbegayiririra bulijjo mu kusaba kwange, ndyoke nsobole oku-
batuukako nga Katonda bw'anaayagala.
11 Kubanga neesunga nnyo okubalaba, ndyoke mbawe ku kirabo
eky'omwoyo, mulyoke munywezebwe okutuuka ku nkomerero,
12 kwe kugamba: twezengamu amaanyi ffekka ne ffekka olw'okukkiriza
kwe tulina.
13 Wabula njagala mumanye kino, abooluganda nti, Emirundi mingi
nateekateeka okujja gye muli naye ne nziyizibwa okutuusa kaakano,
ndyoke nkungule ebibala mu mmwe, nga bwe kiri mu mawanga amalala.
14 Kubanga nnina ebbanja eri Abayonaani n'abatali Bayonaani, n'eri
ab'amagezi n'eri abasirusiru,
15 era nammwe ab'e Ruumi kyenva njagala okubabuulira Enjiri.
16 Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli
muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga.
17 Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obu-
tuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka,
nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa
kukkiriza."

### *Obusungu bwa Katonda eri Abantu*

---

* **1:1** Omukkiriza eyeeteeka mu kifo ky'omuddu eri Kristo talina bwetwaze wadde eddembe eririye ku bubwe. Akola ebyo byokka mukama we by'alagira. † **1:7** abatukuvu kitegeeza omuntu ayawuliddwa.

18 Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibbwa okuva mu ggulu ku abo abatatya Katonda bonna n'abakaafiiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo.
19 Kubanga ebisoboka okumanyibwa ku Katonda bibabikkuliddwa, kubanga Katonda abibalaze byonna mu bujjuvu.
20 Kubanga okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi, ebintu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza.
21 Kubanga newaakubadde nga Katonda bamumanyi, tebaamugulumiza nga Katonda wadde okumwebazanga, naye ne bagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne gujjuzibwa ekizikiza.
22 Beeyita ab'amagezi ne bafuuka abasirusiru,
23 ne bawanyisa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okukifaananyiriza ekifaananyi ky'omuntu aggwaawo, n'eky'ebinyonyi, n'eky'ebirina amagulu ana n'eky'ebyewalula.
24 Katonda kyeyava abaleka, emitima gyabwe ne girulunkanira eby'obugwagwa ne bawemula emibiri gyabwe bokka na bokka.
25 Ne bafuula amazima ga Katonda okuba obulimba ne basinza era ne baweereza ebitonde, mu kifo ky'okusinza eyabitonda, eyeebazibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
26 Katonda kyeyava abaleka ne beeyongera mu kwegomba kwabwe okw'obuwemu. Abakazi baabwe baawanyisa enkolagana yaabwe ey'obuzaaliranwa n'abasajja, ne bakola ebitali bya buzaaliranwa.
27 Abasajja nabo baalekayo okwegatta ne bakazi baabwe mu ngeri ey'obuzaaliranwa, ne bajjuzibwa obukaba ne beegatta ne basajja bannaabwe. N'ekyava mu bikolwa ebyo eby'obugwagwa, kwe kusasulibwa empeera esaanira okwonoona kwabwe.
28 Bwe baagaana okumanya Katonda, Katonda kyeyava abaleka ne babeera n'omutima omwonoonefu ne bakola ebitasaana.
29 Bajjuzibbwa obutali butuukirivu bwonna, n'ebibi, n'omululu, n'obukyayi, n'obuggya, n'obussi, n'entalo, n'obulimba, n'enkwe, n'okwogera ebitasaana, nga basala ku bannaabwe ebigambo,
30 era nga bageya, nga bakyawa Katonda, nga bavuma bannaabwe, nga bajjudde amalala n'okwekulumbaza, nga bagunjawo enkola y'ebikyamu, era nga bajeemera bakadde baabwe.
31 Tebategeera so tebalina kukkiriza, tebalina kwagala, era tebalina mutima gusaasira.
32 Newaakubadde nga bamanyi nga Katonda yagamba nti abantu abakola ebintu ng'ebyo balizikirizibwa, tebakoma ku kubikola kyokka, naye basiima n'abo ababikola.

# 2

### *Omusango Katonda Aligusala na Bwenkanya*

1 Gwe anenya omuntu omulala, okola ebibi bye bimu ne by'onenyeza omuntu oyo. Kyonoova olema okubeera n'eky'okuwoza, kubanga bw'okola bw'otyo, weesalira wekka omusango.
2 Naye kaakano, tumanyi nga Katonda mutuufu okunenya abo abakola ebiri ng'ebyo.

3 Naye ggwe omuntu obuntu, akola ebiri ng'ebyo, kyokka n'onenya abantu abalala, olowooza nga Katonda alikuleka?

4 Oba onyooma ekisa kya Katonda ekingi, n'okugumiikiriza kwe n'obukwatampola bwe? Tomanyi ng'ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya?

5 Naye olw'obukakanyavu bwo n'omutima oguteenenya, weeterekera ekiruyi ku lunaku lw'ekiruyi n'okubikkulirwa, Katonda lw'alisalirako omusango ogw'obutuukirivu.

6 Katonda aliwa buli omu empeera esaanira ebikolwa bye.

7 Aliwa obulamu obutaggwaawo abo abaakola obulungi, nga balina essuubi ery'okuweebwa ekitiibwa, ettendo n'obulamu obw'emirembe n'emirembe.

8 Naye abo abeenoonyeza ebyabwe, abajeemera amazima nga bagondera obutali butuukirivu, kiriba kiruyi na busungu.

9 Walibaawo ennaku n'okubonaabona ku buli mmeeme y'omuntu akola ebibi, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga.

10 Naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe biriba ku buli akola ebituufu, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga.

11 Kubanga Katonda tasosola mu bantu.

12 Abo bonna abaayonoona olw'obutamanya mateeka, balizikirira; era n'abo bonna abaamanya amateeka ne boonoona, bwe batyo bwe balisalirwa omusango, okusinziira mu Mateeka.

13 Kuba abawulira obuwulizi amateeka, si be bejjeerera eri Katonda, wabula abo abakola bye galagira, be baliweebwa obutuukirivu.

14 Abaamawanga abatalina mateeka bwe bakolera mu buzaaliranwa ebintu eby'Amateeka, ebintu ebyo byennyini bifuuka amateeka gye bali, newaakubadde ng'Amateeka tegaabaweebwa.

15 Ekyo kiraga ng'Amateeka gawandiikibbwa mu mitima gyabwe, era kikakasa munda mu birowoozo byabwe, ng'emitima gyabwe giribasaliriza omusango oba okubejjeereza okusinziira ku ekyo kye bamanyi.

16 Kino kiribaawo ku lunaku Katonda kw'aliramulira abantu olw'ebyo bye baakisa, ng'enjiri yange bw'eri ku bwa Yesu Kristo.

### *Abayudaaya n'Amateeka*

17 Abamu ku mmwe mweyita Bayudaaya. Mwesiga amateeka ne mwewaana nga bwe mumanyi Katonda.

18 Bwe musoma ebyawandiikibwa muyiga engeri Katonda gy'ayagala mweyise ne muzuula ekituufu.

19 Mukakasa nga bwe muli abakulembeze b'abazibe b'amaaso, era ettabaaza eri abo bonna abali mu kizikiza.

20 Naye olwokubanga, amateeka ga Katonda gatuwa amagezi n'amazima, mulowooza muyinza okuyigiriza abatali bagezi n'abaana abato.

21 Kale ggwe ayigiriza abalala, lwaki toyinza kweyigiriza wekka? Ategeeza abalala obutabba, tobba?

22 Ategeeza obutayenda, toyenda? Akyawa ebifaananyi, si ggwe onyaga eby'omu masabo?

23 Mwenyumiririza mu mateeka, naye ne muswaza Katonda olw'obutagatuukiriza.

24 Ekyawandiikibwa kigamba nti, "Olw'ebikolwa byammwe ebyo, erinnya lya Katonda kyelivudde livvoolebwa mu mawanga."

25 Okukomolebwa kugasiza ddala bw'okwata amateeka, naye
bw'otagatuukiriza tewaba njawulo wakati wo n'atali mukomole.
26 Kale obanga atali mukomole akwata amateeka, talibalibwa
ng'eyakomolebwa?
27 Noolwekyo ataakomolebwa mu buzaaliranwa naye ng'akuuma
amateeka, alikusaliza omusango gwe alina amateeka amawandiike
n'otagatuukiriza ate nga wakomolebwa.
28 Okweyisa ng'Omuyudaaya ate nga wakomolebwa, tekikufuula Muyu-
daaya yennyini.
29 Okuba Omuyudaaya yennyini oteekwa okugondera amateeka. Okuko-
molebwa okutuufu kwe kukomolebwa okubaawo mu mutima, so si
okw'omubiri. Omuntu ng'oyo atenderezebwa Katonda, so si abantu.

# 3

*Obwesigwa bwa Katonda*

1 Kaakano olwo Omuyudaaya alina nkizo ki? Oba okukomolebwa kugasa
ki?
2 Kugasa nnyo mu ngeri nnyingi. Okusookera ddala, Abayudaaya be
baateresebwa ebigambo bya Katonda.
3 Kituufu nti abamu ku bo tebakkiriza bigambo ebyo. Obutakkiriza
bwabwe buliggyawo obwesigwa bwa Katonda, olw'okuba nga bo tebaalina
kukkiriza?
4 Tekisoboka. Katonda ye wa mazima, newaakubadde nga buli muntu
yenna mulimba. Ebyawandiikibwa bigamba nti,
"Olyoke otuukirire mu bigambo byo,
era osinge bw'osala omusango."
5 Naye obanga obutali butuukirivu bwaffe bulagira ddala obutuukirivu
bwa Katonda, tunaayogera ki? Kikyamu Katonda okutunyiigira era
n'atubonereza? Mu kino njogera ng'omuntu.
6 Nedda, sikikyamu. Katonda alisalira atya ensi omusango?
7 Naye obanga obulimba bwammwe bweyongera okugulumiza Ka-
tonda, nga kiraga Katonda bw'ali ow'amazima, oyinza okwebuuza lwaki
okyasalirwa omusango ng'omwonoonyi?
8 Era okyayinza okwongerako na kino nti tukolenga ebibi mulyoke
muveemu ebirungi, ng'abamu bwe batuwaayiriza nti, bwe tugamba.
Kyokka Katonda mwenkanya, era alibasalira nga bwe kibagwanira.

*Tewali Mutuukirivu n'Omu*

9 Bino byonna bitegeeza ki? Kitegeeza nti ffe Abayudaaya tuli bulungi
nnyo okusinga abantu abalala bonna? Nedda, n'akatono. Ffenna
tufugibwa kibi, ne bwe baba Abayudaaya oba Abaamawanga.
10 Ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba nti:
"Tewali mutuukirivu n'omu.
11 Tewali ategeera
wadde anoonya Katonda.
12 Bonna baakyama,
bonna awamu baafuuka kitagasa;
tewali n'omu akola obulungi,
tewali n'omu."
13 "Emimiro gyabwe giringa entaana ezaasaamiridde,
n'emimwa gyabwe gijjudde obulimba."
"Buli kigambo ekibavaamu kiri ng'obusagwa bw'omusota."

14 “Emimwa gyabwe gijjudde okukolima n’obukyayi.”
15 “Ebigere byabwe byanguwa okuyiwa omusaayi,
16 buli gye balaga baleka abantu baayo mu kuzikirira na mu nnaku njereere.
17 Tebamanyi kkubo lya mirembe.”
18 “N’okutya tebatya Katonda.”
19 Tumanyi nga buli kyawandiikibwa mu mateeka, kyawandiikibwa ku lw’abo abafugibwa amateeka. Amateeka malambulukufu ku nsonga ezo, omuntu yenna aleme okwekwasa ensonga yonna, ate era ne Katonda okwongera okulaga ng’ensi yonna bwe yasobya.
20 Kubanga tewali n’omu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw’ebikolwa by’amateeka. Mu mateeka mwe tutegeerera ddala ekibi.

### *Obutuukirivu Buva mu Kukkiriza*

21 Kale kaakano tutegeere ng’obutuukirivu bwa Katonda tebutuweebwa lwa kugondera Mateeka. Ekyo kikakasibwa Amateeka ne bannabbi.
22 Obutuukirivu bwa Katonda butuweebwa olw’okukkiriza Yesu Kristo. Katonda tasosola.
23 Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda.
24 Kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw’ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Yesu Kristo;
25 Katonda yaweereza Kristo okuba omutango, bwe tukkiriza Kristo olw’omusaayi gwe yayiwa. Alaga obutuukirivu bwe mu kugumiikiriza ebibi ebyakolebwa edda, be bantu abaayonoona mu biseera biri eby’edda.
26 Kino kiraga Katonda bw’alaga okwaniriza kw’alina eri abantu mu biro bino, bwe baba n’okukkiriza mu Yesu.
27 Kale lwaki twenyumiriza? Tewali nsonga etwenyumirizisa. Lwa kuba nga twagoberera amateeka? Nedda, lwa kukkiriza.
28 Noolwekyo omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza so si lwa kugoberera mateeka.
29 Oba Katonda wa Bayudaaya bokka? Si ye Katonda w’amawanga amalala gonna? Weewaawo nabo Katonda waabwe.
30 Kubanga ye Katonda omu awa obutuukirivu abaakomolebwa, n’abo abataakomolebwa olw’okukkiriza kwabwe.
31 Kale amateeka tugaggyewo olw’okukkiriza? Kikafuuwe. Tunyweza manyweze.

## 4

### *Ibulayimu Yaweebwa Obutuukirivu lwa Kukkiriza*

1 Kale kiki kye tunaayogera ku jjajjaffe Ibulayimu ku bikwata ku by’omubiri?
2 Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa, yandyenyumirizza, naye si eri Katonda.
3 Ebyawandiikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.
4 Omuntu bw’akola omulimu, asasulwa empeera ye. Empeera gy’aweebwa, teba kirabo.
5 Katonda tayinza kukusembeza olw’ebikolwa byo. Katonda asembeza aboonoonyi olw’okukkiriza kwe balina mu ye.
6 Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu ku muntu ono Katonda gw’awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye ng’agamba nti:
7 “Baweereddwa omukisa,

abasonyiyiddwa ebyonoono byabwe,
ne baggyibwako ebibi byabwe.
8 Aweereddwa omukisa omuntu,
Mukama gw'atalibalira kibi."
9 Kale omukisa guno, gw'abakomole bokka oba n'abatali bako-
mole? Ebyawandiikibwa bitugamba nti okukkiriza kwa Ibulayimu
kwamubalirwa okuba obutuukirivu.
10 Kale, kwamubalirwa kutya? Ng'akomolebbwa oba nga tannako-
molebwa? Nedda si ng'akomolebbwa naye nga tannakomolebwa.
11 Akabonero ke yafuna ak'okukomolebwa, ye nvumbo ku butuukirivu
olw'okukkiriza kwe, nga tannakomolebwa, alyoke abeere jjajja w'abo
bonna abakkiriza nga si bakomole, nabo balyoke babalirwe obutuukirivu.
12 Ate era ye jjajja w'abantu bonna, abakomole, era abatambulira
mu kkubo ery'okukkiriza, jjajjaffe Ibulayimu kwe yalina nga tannako-
molebwa.
13 Ibulayimu n'ezzadde lye tebaaweebwa kisuubizo eky'okulya ensi
yonna, ng'omugabo gwe, lwa kukwata mateeka. Katonda, ensi yagimusu-
ubiza lwa butuukirivu obwamuweebwa olw'okukkiriza.
14 Kale obanga baweebwa obusika lw'amateeka, okukkiriza kuba
tekugasa, era nga n'ekisuubizo tekirina makulu.
15 Katonda anyiiga Amateeka ge bwe gatagonderwa. Naye bwe wataba
mateeka, tewaba mateeka ga kujeemera.
16 Noolwekyo ekisuubizo kijja lwa kukkiriza, kiryoke kiweebwe lwa kisa,
eri ezzadde lyonna, so si ezzadde erigondera amateeka lyokka naye n'eri
ezzadde erya Ibulayimu olw'okukkiriza; era oyo ye jjajjaffe ffenna.
17 Kyawandiikibwa nti, "Nkufudde jjajja w'amawanga amangi." Ye
jjajjaffe mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, Katonda azuukiza abafu, era alaba
ebitaliiwo ng'ebiriwo, era atonda ebintu ebiggya.
18 Katonda yasuubiza Ibulayimu abazzukulu bangi. Ne bwe kyalabika
ng'ekitasoboka, Ibulayimu yalina okukkiriza mu Katonda, n'oluvannyuma
n'abeera jjajja w'amawanga mangi, okusinziira ku ekyo ekyayogerwa nti,
"Ezadde lyo bwe liriba."
19 Teyatendewererwa mu kukkiriza, newaakubadde nga yali wa myaka
nga kikumi, nga n'omubiri gwe munafu nnyo, ate nga ne Saala mugumba.
20 Teyabuusabuusa kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, naye
yaweebwa amaanyi lwa kukkiriza; n'agulumiza Katonda.
21 Yakakasiza ddala nti Katonda kye yasuubiza asobola okukituukiriza,
22 era bwe kityo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.
23 Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti, "Kyamubalirwa okuba
obutuukirivu;"
24 naye era naffe, abakkiririza mu oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe
mu bafu.
25 Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, n'azuukizibwa tu-
lyoke tuweebwe obutuukirivu.

# 5

*Emirembe n'Essanyu*

1 Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina
emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo,
2 era olw'okukkiriza mu Kristo tufunye ekisa kya Katonda mwe tubeera,
era mwe twenyumiririza, nga tusuubira ekitiibwa kya Katonda.

3 Tetukoma ku ekyo kyokka, naye twenyumiririza ne mu kubonaabona,
nga tumanyi ng'okubonaabona kutuyigiriza okugumiikiriza.
4 Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi
ne zitutuusa ku ssuubi.
5 Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo
Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwe.
6 Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufiirira ffe
aboonoonyi.
7 Kizibu okufiirira omuntu omutuukirivu. Oboolyawo omuntu ayinza
okwewaayo okufa ku lw'omuntu omulungi.
8 Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali
tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira.
9 Kale obanga twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, alitulokola
okuva mu busungu bwa Katonda.
10 Kale obanga bwe twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa
naye mu kufa kw'Omwana we, bwe tutabagana naye tetulisingawo nnyo
okulokolebwa olw'obulamu bwe?
11 So si ekyo kyokka, twenyumiririza mu Katonda, kubanga Katonda
yaweereza Mukama waffe Yesu Kristo, mwe twatabaganyizibwa.

### *Okufa mu Adamu n'Obulamu mu Kristo*

12 Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu
ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa.
13 Ekibi kyaliwo mu nsi ng'amateeka tegannabaawo. Kyokka Katonda
teyagamba nti be balina okuvunaanyizibwa olw'ebibi byabwe, kubanga
Amateeka gaali tegannabeerawo.
14 Kyokka okufa kwali kukyafuga okuva ku Adamu okutuusa ku
Musa, nga kutwaliramu n'abo abataayonoona mu ngeri Adamu gye
yayonoonamu. Mu ngeri endala, Adamu ali mu kifaananyi kya Kristo
eyajja oluvannyuma.
15 Naye Katonda wa kisa nnyo, kubanga ekirabo kye yali agenda
okutuwa, kyali kya njawulo ku kibi kya Adamu. Okwonoona kw'omuntu
omu, Adamu, kwaleetera bangi okufa, kyokka ekisa kya Katonda n'ekirabo
ekiri mu kisa ky'omuntu omu Yesu Kristo kyasukkirira nnyo ne kibuna mu
bantu bangi.
16 Waliwo enjawulo nnene wakati w'ekibi kya Adamu n'ekirabo kya
Katonda. Ekibi ekimu kyatuweesa ekibonerezo. Kyokka ekirabo kya
Katonda kyatukkirizisa gy'ali, newaakubadde nga twonoona emirundi
mingi.
17 Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abali-
weebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo
okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?
18 Kale ng'abantu bonna bwe baasalirwa omusango olw'ekibi ekimu,
bwe kityo n'olw'ekikolwa ekimu eky'obutuukirivu abantu bonna mwe
baaweerwa obutuukirivu ne bafuna obulamu.
19 Obujeemu bw'omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi.
Bwe butyo n'obuwulize bw'omuntu omu Yesu, bulifuula bangi okuba
abatuukirivu.
20 Amateeka gaatekebwawo, amaanyi g'ekibi galyoke galabisibwe.
Kyokka ekibi bwe kyeyongera, ekisa kya Katonda kyo ne kyeyongera nnyo
okusingawo.

21 Ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa, n'ekisa kya Katonda kifugira mu
butuukirivu ne kitutuusa mu bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo
Mukama waffe.

# 6

### *Okuba Abalamu mu Kristo*

1 Kale tunaagamba tutya? Tweyongere okwonoona, olwo ekisa kya
Katonda kiryoke kyeyongere?
2 Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera
okukikola?
3 Oba temumanyi nga bonna bwe baabatizibwa mu Yesu Kristo, baafiira
wamu naye?
4 Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe
yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, naffe twafuna
obulamu obuggya, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo
obuggya.
5 Obanga twegatta wamu naye mu kifaananyi eky'okufa kwe, bwe tutyo
bwe tulyegattira awamu naye mu kuzuukira kwe.
6 Tumanyi kino nti omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye ku
musaalaba, omubiri gw'ekibi guleme kuba gwa mugaso, tuleme kuddamu
kuba baddu ba kibi.
7 Omuntu bw'afa aba takyafugibwa kibi.
8 Naye obanga twafiira wamu ne Kristo, tukkiriza nga tuliba balamu
wamu naye
9 Tumanyi nti, nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu, takyafa nate,
okufa tekukyamufuga.
10 Okufa kwe yafa eri ekibi, yafa omulundi gumu, naye kaakano mulamu
era mulamu ku bwa Katonda.
11 Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafiira ddala eri ekibi,
naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu.
12 Noolwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga
mugondera okwegomba kwagwo.
13 Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali
bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu
abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe
bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda.
14 Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa
mateeka, wabula ekisa kya Katonda.

### *Baddu ba butuukirivu*

15 Kale tukole tutya? Kale tukole ekibi kubanga tetufugibwa mateeka
wabula ekisa kya Katonda? Kikafuuwe.
16 Temumanyi nga muba baddu b'oyo gwe muwulira? Muyinza
okuba abaddu b'ekibi ne kibaleetera okufa, oba muyinza okuba abaddu
abawulira Katonda n'abawa obutuukirivu.
17 Kyokka Katonda yeebazibwe kubanga mwabanga baddu ba kibi, naye
bwe mwagondera okuyigiriza kwe mwayigirizibwa n'omutima gwammwe
gwonna, ne mukugondera.
18 Noolwekyo mwasumululwa okuva mu kibi, ne mufuuka baddu ba
butuukirivu abasanyusa Katonda.
19 Njogera nga nkozesa olulimi olwa bulijjo kubanga mukyali banafu.
Nga bwe mwawangayo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu

b'ebirowoozo eby'obugwagwa, ne mweyongeranga okukola ebitali bya
butuukirivu, bwe mutyo muweeyo ebitundu byammwe eby'omubiri
okuba abaddu b'obutuukirivu, nga mweweerayo ddala eri Katonda, mube
batukuvu.
20 Bwe mwali abaddu b'ekibi, temwafugibwanga butuukirivu.
21 Kale mwagasibwa ki mu kukola ebintu ebyo, ebibaleetera ensonyi?
Enkomerero yaabyo kufa.
22 Naye kaakano obanga mwasumululwa mu kibi, ne mufuuka baddu
ba Katonda, ebivaamu bibatuusa ku kutukuzibwa, n'enkomerero bwe
bulamu obutaggwaawo.
23 Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu
obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe.

# 7

*Ekyokulabirako Ekiva mu Bufumbo*

1 Temumanyi abooluganda, kubanga njogera eri abamanyi amateeka,
ng'amateeka gafuga oyo yekka akyali omulamu?
2 Ka mbawe ekyokulabirako: mu mateeka omukazi omufumbo, asigala
nga wa bba, bba bw'aba ng'akyali mulamu. Naye bba bw'afa, omukazi
oyo ng'asumuluddwa mu tteeka eribagatta.
3 Noolwekyo omukazi oyo bwe yeegatta n'omusajja omulala, bba
ng'akyali mulamu, omukazi oyo anaayitibwanga mwenzi. Naye bba
bw'afanga, olwo omukazi omufumbo anaabanga asumuluddwa mu tteeka,
era taabenga mwenzi bw'anaafumbirwanga omusajja omulala.
4 Nammwe baganda bange mwafa eri amateeka, muli ba mubiri gwa
Kristo. Mwegatta ku Kristo eyazuukizibwa okuva mu bafu, tulyoke tubale
ebibala ebisanyusa Katonda.
5 Kubanga bwe twali tukyafugibwa omubiri, okwegomba kw'ebibi
kwakoleranga mu bitundu byaffe eby'omubiri olw'amateeka, era
enkomerero kwali kufa.
6 Naye kaakano tetukyafugibwa mateeka. Tuli bafu eri ebyo ebyali
bitusibye, era tebitulinaako buyinza. Noolwekyo tuyinza okuweereza
Katonda mu ngeri empya eya Mwoyo Mutukuvu, so si mu nkola enkadde
ey'amateeka.

*Okulwanagana n'Ekibi*

7 Kale tunaayogera ki? Amateeka kye kibi? Kikafuuwe. Singa
tewaali mateeka, sanditegedde kibi. N'okwegomba kw'omubiri
sandikutegeeredde ddala singa amateeka tegaagamba nti, "Teweegom-
banga."
8 Ekibi kyeyambisa etteeka lino, ne kindeetera okwegomba okwa buli
ngeri. Noolwekyo awatali mateeka, ekibi kiba kifu.
9 Edda nali mulamu awatali mateeka, naye etteeka bwe lyajja, ekibi ne
kiramuka, n'okufa ne nfa.
10 Era ne nkizuula ng'etteeka eryali liteekwa okumpa obulamu, lye
lyandetera okufa.
11 Ekibi kyeyambisa ekiragiro ekyo ne kinnimba, era ne kinzita.
12 Noolwekyo amateeka matukuvu, era n'ekiragiro kitukuvu,
kiruŋŋamya era kirungi.

13 Kale ekirungi gye ndi, ate kye kyafuuka okufa? Nedda. Ekibi kye
kyakozesa ekiragiro ekirungi kiryoke kinzite. Noolwekyo tulaba ekibi bwe
kiri, ekibi ddala.
14 Tumanyi ng'amateeka mwoyo, naye nze omuntu obuntu, natundibwa
ng'omuddu nfugibwe ekibi.
15 Kubanga kye nkola sikimanyi. Kye njagala si kye nkola, naye kye
nkyawa kye nkola.
16 Newaakubadde nga nkola kye mmanyi nga kikyamu, nzikiriza
ng'amateeka malungi.
17 Noolwekyo si nze nkola ebintu ebyo ebibi, wabula ekibi ekiri mu nze.
18 Mmanyi nga mu nze, temuli kalungi n'akamu. Ne bwe njagala okukola
ekirungi, tewali kirungi kye nkola.
19 Ekirungi kye njagala okukola si kye nkola, naye ekibi kye saagala kye
nkola.
20 Naye obanga kye saagala kye nkola, si nze mba nkikola, wabula ekibi
ekibeera mu nze.
21 Noolwekyo nzudde mu mateeka nga bwe njagala okukola ebirungi,
ekibi kimbeera kumpi.
22 Mu nze mu muntu ow'omunda njagala nnyo okugondera amateeka
ga Katonda.
23 Naye mu mubiri gwange gwonna, ndaba amateeka ag'enjawulo nga
gawakana n'etteeka lya Katonda amagezi gange ge limanyi. Ekyo kinfuula
omusibe w'amateeka ag'ekibi, ekikolera mu mubiri gwange.
24 Nga ndi muntu munaku! Ani alindokola mu mubiri guno ogugenda
okufa?
25 Kyokka Katonda yeebazibwe mu Yesu Kristo Mukama waffe.
Nze kennyini mu birowoozo byange, ndi muddu w'amateeka ga Katonda
era gwe mpeereza, newaakubadde ng'okwegomba kwange okw'omubiri,
mpeereza etteeka ly'ekibi.

# 8

## *Obulamu Obuva mu Mwoyo*

1 Noolwekyo abo abali mu Kristo Yesu, tebaliiko musango; abo abatagob-
erera kwegomba okw'omubiri wabula ne bagoberera Omwoyo.
2 Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyan-
nunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa.
3 Amateeka ga Musa kye gataayinza kukola, olw'okunafuyizibwa omu-
biri, Katonda yakikola mu Mwana we yennyini bwe yamutuma mu
kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, n'asalira ekibi omusango mu mubiri.
4 Ekyo kyabaawo, eby'obutuukirivu mu mateeka biryoke bituukirire
mu ffe bwe tugondera Omwoyo, ffe abatatambulira mu mubiri naye
abatambulira mu Mwoyo.
5 Abo abalowooleza mu mubiri balowooza bintu bya mubiri, naye
abalowooleza mu Mwoyo balowooza bya Mwoyo.
6 Okulowooleza mu by'omubiri kwe kufa, naye okufugibwa Omwoyo
bwe bulamu n'emirembe.
7 Kubanga okulowooza eby'omubiri kya bulabe eri Katonda.
Ebirowoozo eby'omubiri tebiyinza kuwulira mateeka ga Katonda.
8 N'abo abafugibwa omubiri tebayinza kusanyusa Katonda.

9 Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo, kubanga
Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna bw'ataba na
Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo.

10 Era obanga Kristo ali mu mmwe, omubiri gwammwe mufu olw'ekibi,
ate ng'omwoyo gwammwe mulamu olw'obutuukirivu.

11 Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera
mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe
egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe.

12 Noolwekyo abooluganda tulina ebbanja, so si eri omubiri okugondera
bye gutulagira.

13 Kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa. Naye bwe
munnatta ebikolwa eby'omubiri, muliba balamu,

14 kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana
ba Katonda.

15 Temwaweebwa mwoyo gwa buddu ate mutye, wabula mwaweebwa
Omwoyo eyabafuula abaana, era ku bw'oyo tumukoowoola nti, *"Aba,*
Kitaffe."

16 Omwoyo yennyini akakasiza wamu n'omwoyo waffe nga bwe tuli
abaana ba Katonda.

17 Kale nga bwe tuli abaana, tuli basika ba Katonda, era tulisikira wamu
ne Kristo, bwe tubonaabonera awamu naye, tulyoke tuweerwe wamu naye
ekitiibwa.

### *Ekitiibwa Ekijja*

18 Okubonaabona kwe tubonaabona kaakano kutono nnyo bwe kuger-
aageranyizibwa n'ekitiibwa ekiritubikulirwa.

19 Ebitonde birindirira n'essuubi lingi ekiseera abaana ba Katonda lwe
baliragibwa.

20 Kubanga ebitonde tebyafugibwa butaliimu nga byeyagalidde, wabula
ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira.

21 Ebitonde birifuulibwa bya ddembe okuva mu kufugibwa okuvunda ne
bigabanira wamu n'abaana ba Katonda ekitiibwa eky'okuba mu ddembe.

22 Tumanyi ng'ebitonde byonna bisinda era ne birumwa ng'omukazi
alumwa okuzaala bw'abeera.

23 Naye ate si ekyo kyokka, era naffe abalina ebibala ebibereberye
eby'Omwoyo, naffe tusinda munda yaffe nga tulindirira okufuuka abaana,
kwe kununulibwa kw'emibiri gyaffe.

24 Twalokolebwa lwa ssuubi eryo. Naye essuubi erirabibwa si ssuubi;
kubanga ani asuubira ky'alabako?

25 Naye bwe tusuubira kye tutalabako, tukirindirira n'okugumiikiriza.

26 N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba
nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda
okutayogerekeka.

27 Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yee-
gayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli.

28 Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa
ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi.

29 Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa
mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu boolu-
ganda abangi.

30 Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa
obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza.

31 Kale tunaagamba ki ku bintu bino? Katonda bw'abeera ku lwaffe, ani
asobola okutulwanyisa?
32 Oyo ataasaasira Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe ffenna,
talituwa buwi bintu byonna awamu naye?
33 Ani aliroopa abalonde ba Katonda? Katonda y'awa obutuukirivu.
34 Ani alibasalira omusango? Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga
byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda,
ng'atwegayiririra.
35 Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kubonaabona, oba
bulumi, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba
kitala?
36 Kyawandiikibwa nti:
"Ku lulwo tutiisibwatiisibwa n'okuttibwa obudde okuziba,
era tubalibwa ng'endiga ez'okusalibwa."
37 Naye mu bino byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.
38 Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu,
wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda
okujja, wadde amaanyi,
39 wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala
kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli
mu Kristo Yesu Mukama waffe.

# 9

*Okulonda kwa Katonda*
1 Njogera amazima mu Kristo, sirimba, omwoyo gwange nga gunkakasa
mu Mwoyo Mutukuvu,
2 nga ndimunakuwavu nnyo era nga nnumwa mu mutima.
3 Nnali njagala nze mwene nkolimirwe Katonda era njawukanyizibwe
ku Kristo olwa baganda bange, bwe tuli ab'omu mubiri,
4 be Bayisirayiri, abantu ba Katonda abalonde. Katonda yabalaga
ekitiibwa kye, n'akola nabo endagaano, n'abawa n'amateeka ge. Yeekaalu
yagibawa, n'abawa n'ebyasuubizibwa.
5 Balina bajjajjaabwe abamanyiddwa, Kristo be yasibukamu mu mubiri.
Nsaba Katonda afuga byonna atenderezebwenga emirembe gyonna,
Amiina.
6 Naye si kuba nti Katonda yalemwa okutuukiriza kye yasuubiza. Si
bonna ab'omu Isirayiri nti bantu ba Katonda ddala.
7 Ate so si nti ly'ezzadde lya Ibulayimu bonna balyoke babeere abaana,
naye ekisuubizo kyali ku Isaaka bwe kyagambibwa nti, "Mu Isaaka mwe
ndituukiririza ebyo byonna bye nakusuubiza."
8 Kino kitegeeza nti abaana ab'omubiri si be baana ba Katonda, wabula
abo ab'okusuubiza be babalibwa okuba ezzadde lya Ibulayimu.
9 Kubanga ekigambo ky'okusuubiza kye kino nti, "Mu kiseera nga kino
Saala alizaala omwana owoobulenzi."
10 Ate si ekyo kyokka, naye ne Isaaka jjajjaffe yalina Lebbeeka eyali
olubuto.
11 Naye ng'abalongo tebannazaalibwa, era nga tebannabaako kye bakola
kyonna ekirungi oba ekibi, okusiima kwa Katonda nga bwe kuli,
12 si lwa bikolwa wabula ku bw'oyo eyabayita, kyategeezebwa Lebbeeka
nti, "Omukulu y'aliba omuweereza w'omuto."
13 Era nga bwe kyawandiikibwa nti, "Yakobo namwagala, naye Esawu
namukyawa."

14 Kale tunaagamba ki? Ddala ddala Katonda talina bwenkanya?
Kikafuuwe.
15 Agamba Musa nti,
“Ndisaasira oyo gwe ndisaasira,
era ndikwatirwa ekisa oyo gwe ndikwatirwa ekisa.”
16 Noolwekyo tekiva ku ebyo omuntu by’ayagala newaakubadde by’akola,
wabula ku kusaasira kwa Katonda.
17 Ebyawandiikibwa kyebyava byogera ku Falaawo nti, “Kyennava nkuy-
imusa, ndyoke njolese amaanyi gange mu ggwe, erinnya lyange liryoke
litegeezebwe mu nsi zonna.”
18 Noolwekyo Katonda asaasira oyo gw’ayagala okusaasira, ate
n’akakanyaza omutima gw’oyo gw’ayagala okukakanyaza.
19 Omu akyayinza okumbuuza nti, Lwaki Katonda atunenya, obanga
y’atuleetera okukola nga bw’asiima?
20 Naye ggwe omuntu obuntu, ggwe ani addamu ng’owakanya Ka-
tonda? Ekibumbe kiyinza okubuuza eyakibumba nti, “Lwaki wammumba
bw’oti?”
21 Oba omubumbi talina buyinza ku bbumba, okubumbamu ekibya
eky’omugaso, oba okubumbamu ekitali kya mugaso?
22 Katonda yayagala okulaga obusungu bwe, n’amaanyi ge eri abo bonna
abaali basaanira okuzikirizibwa, kyokka n’abalaga obugumiikiriza.
23 Ekyo yakikola alyoke amanyise obugagga bw’ekitiibwa kye, eri abo
bonna be yeerondera okugabanira awamu ekitiibwa kye.
24 Naffe yatuyita, si Bayudaaya bokka naye n’Abaamawanga.
25 Ne mu Koseya agamba nti,
“Abataali bantu bange ndibayita abantu bange,
Ne gwe nnali ssaagala, ndimwagala.”
26 Mu kifo omwo mwe baayitirwa nti,
“Temuli bantu bange,
mwe baliyitirwa abaana ba Katonda omulamu.”
27 Isaaya ayogera eri Isirayiri mu ddoboozi ery’omwanguka nti,
“Omuwendo gw’abaana ba Isirayiri ne bwe gulyenkana ng’omusenyu
gw’ennyanja,
ekitundu ekirisigalawo kye kirirokolebwa.
28 Kubanga Mukama alisalawo
era alituukiriza mangu ekyo kye yagamba okukola ku nsi.”
29 Era nga Isaaya bwe yayogera edda nti,
“Singa Mukama ow’Eggye
teyatulekerawo zzadde,
twandifuuse nga Sodomu,
era twandifaananye nga Ggomola.”

### *Obutakkiriza bw’Abayudaaya*

30 Kale tunaagamba ki? Tugambe nti Abaamawanga abataagobereranga
butuukirivu, baafuna obutuukirivu, bwe butuukirivu obuva mu kukkiriza,
31 naye Isirayiri mu kugobereranga amateeka ag’obutuukirivu, teyafuna
butuukirivu obwo?
32 Lwaki? Ekyo baalema okukituukako kubanga tebaagoberera bu-
tuukirivu mu kukkiriza wabula mu bikolwa. Beesittala ku jjinja eryo
eryesittalwako,
33 nga bwe kyawandiikibwa nti,

“Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja eryesittalwako*
n’olwazi olulibasuula.
Oyo amukkiriza taliswazibwa.”

# 10

1 Abooluganda, kye njagala mu mutima gwange era kye nsabira
Abayisirayiri eri Katonda, kwe kulokolebwa.
2 Kubanga nkakasa nga balina obunyiikivu eri Katonda, naye si mu
kutegeera.
3 Mu butamanya butuukirivu bwa Katonda, bagezaako okwenoonyeza
obutuukirivu, nga bagondera amateeka mu kifo ky’okugondera obu-
tuukirivu bwa Katonda.
4 Kristo atuwa amakulu amajjuvu, buli amukkiriza n’amuwa obu-
tuukirivu.
5 Musa awandiika ku butuukirivu obuva mu mateeka nti, “Omuntu
alikola ebintu ebyo aliba mulamu mu byo.”
6 Naye okukkiriza okuva mu butuukirivu, kugamba nti, “Toyogeranga
mu mutima gwo nti, ‘Ani alirinnya mu ggulu?’ (kwe kuggya Kristo mu
ggulu)
7 newaakubadde okugamba nti, ‘Ani alikka emagombe?’ (kwe kuggya
Kristo mu bafu.)”
8 Abo bonna abalina okukkiriza mu Kristo bagamba nti, “Ekigambo kiri
kumpi naawe, kiri mu kamwa ko era kiri mu mutima gwo,” kye kigambo
eky’okukkiriza kye tubuulira.
9 Bw’oyatula n’akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n’okkiriza n’omutima
gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka.
10 Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n’aweebwa obutuukirivu,
era ayatula na kamwa ke n’alokoka.
11 Kubanga Ebyawandiikibwa bigamba nti, “Buli amukkiriza taliswaz-
ibwa.”
12 Tewali njawulo wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, kubanga
Mukama waabwe y’omu era ayanukula abo bonna abamukoowoola.
13 Buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka.
14 Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza
batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira?
15 Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? Ekyawandiikibwa nga
bwe kigamba nti, “Ebigere by’abo abategeeza amawulire amalungi, nga
birungi.”
16 Naye si bonna abaagondera Enjiri. Isaaya agamba nti, “Mukama,
waliwo akkirizza obubaka bwaffe?”
17 Noolwekyo okukkiriza kujja olw’okuwulira ekigambo kya Kristo.
18 Naye mulowooza Abayisirayiri tebaawulira? Weewaawo baawulira.
Ebyawandiikibwa bigamba nti,
“Eddoboozi lyabwe lyabuna mu nsi zonna,
n’ebigambo byabwe byatuuka ku nkomerero z’ensi.”
19 Abayisirayiri baabitegeera oba tebaabitegeera? Bw’ati Musa
bw’addamu ekibuuzo ekyo:
“Ndibaleetera okukwatirwa obuggya abatali ggwanga,
ne mbasunguwaza olw’eggwanga eritalina kutegeera.”
20 Ne Isaaya yali muvumu bwe yagamba nti,
“Nazuulibwa abo abatannoonya,

* **9:33** Ejjinja eryesittalwako ye Kristo.

ne ndabika eri abo abatambuulirizaako."
21 Naye eri Isirayiri agamba nti,
"Olunaku lwonna nalumala nga ngolodde emikono gyange
eri eggwanga ekkakanyavu era abantu abeewaggula."

# 11

1 Kale ka mbuuze: Katonda yeegoberako ddala abantu be? Kikafuuwe.
Kubanga nange ndi Muyisirayiri, era muzzukulu wa Ibulayimu, ow'omu
kika kya Benyamini.
2 Katonda tasuulanga bantu be, be yalonda okuva ku lubereberye. Oba
temumanyi ekyawandiikibwa ekyogera ku Eriya bwe yeegayirira Katonda
nga yeemulugunya olwa Isirayiri?
3 Yagamba nti, "Mukama, basse bannabbi bo ne bamenyaamenya
n'ebyoto byo. Nze nzekka nze nsigaddewo, ate bannoonya okunzita."
4 Naye Katonda yamuddamu atya? Yamugamba nti: "Neesigalizzaawo
abasajja kasanvu abatafukaamirira Baali."
5 Era bwe kityo ne mu biro bino waliwo ekitundu ekyasigalawo
abaalondebwamu olw'ekisa.
6 Naye obanga lwa kisa, si lwa bikolwa nate, kubanga ekisa kyandibadde
tekikyali kisa.
7 Kale tugambe ki? Abayisirayiri baalemwa okufuna kye baali banoonya,
wabula be yalondamu be baakifuna, abalala ne bakakanyazibwa, emitima,
8 nga bwe kyawandiikibwa nti,
"Katonda yabawa omwoyo ogw'okubongoota,
n'aleetera amaaso gaabwe obutalaba,
n'amatu gaabwe obutawulira
okutuusa leero."
9 Ne Dawudi yagamba nti,
"Leka ekijjulo kyabwe kibafuukire omutego, era ekitimba,
eky'okubategа era empeera ebasaanira.
10 Amaaso gaabwe ka gabeeko ekifu, baleme okulaba.
Era batambule nga bakootakoota emirembe n'emirembe."
11 Kale ka mbuuze, kyebaava beesittala balyoke bagwe? Kikafuuwe.
Naye olw'okwonoona kwabwe, obulokozi kyebwava bujja eri Abaa-
mawanga, Abayudaaya balyoke bakwatibwe obuggya.
12 Kale obanga okwonoona kwabwe kutegeeza bugagga eri ensi,
n'okulemwa kwabwe nga kutegeeza bugagga eri Abaamawanga, oku-
ganyulwa kwabwe tekulisingawo!
13 Kaakano njogera gye muli Abaamawanga, nga bwe ndi omutume eri
Abaamawanga, ngulumiza obuweereza bwange,
14 singa kisoboka nkwase baganda bange obuggya abamu ku bo basobole
okulokolebwa.
15 Kubanga obanga okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi,
okusembezebwa kwabwe kulitegeeza ki, bwe kutaliwa bafu bulamu?
16 Kale kaakano obanga ekitole ky'eŋŋano ekandiddwa ne kiweebwayo
ng'ekibala ekibereberye kitukuvu, n'eŋŋaano yonna ntukuvu; era obanga
ekikolo kitukuvu, n'amatabi matukuvu.
17 Naye obanga amatabi agamu gaawogolebwa, ate nga ggwe eyali
omuzeyituuni ogw'omu nsiko wasimbibwa ku kikolo kyagwo, n'ogabana
ku bugimu bw'ekikolo ky'omuzeyituuni,
18 teweenyumiririzanga ku matabi ago; naye bwe weenyumirizanga,
jjukira nga si gwe owaniridde ekikolo, naye ekikolo kye kikuwaniridde.

19 Oyinza okwogera nti, “Amatabi gaawogolwako, ndyoke nsimbibweko.”

20 Ky’oyogedde kiba kituufu. Weewaawo gaawogolwako lwa butakkiriza, kyokka ggwe onywedde lwa kukkiriza. Teweenyumirizanga, naye otyanga.

21 Kuba obanga Katonda teyasaasira matabi ga buzaaliranwa, nammwe ayinza obutabasaasira.

22 Kale mufumiitirize ku kisa n’obukambwe bwa Katonda. Aba mukambwe eri abo abaagwa, naye n’aba wa kisa eri ggwe, bwe weeyongera okunywerera mu kisa kye, kubanga naawe bw’otonywere oliwogolwako.

23 Era n’abo oluvannyuma bwe balikkiriza, balizzibwako ku nduli kubanga Katonda ayinza okubazaako kuli.

24 Kuba obanga ggwe mu buzaaliranwa bwo gwe eyawogolwa ku muzeyituuni, wazzibwa ku muzeyituuni ogutali gwa buzaaliranwa bo, abo ab’obuzaaliranwa tebalisinga nnyo okuzzibwa ku muzeyituuni gwabwe bo?

25 Kubanga ssaagala mmwe abooluganda obutamanya kyama kino nga mwelowooza okuba ab’amagezi, ng’abamu ku Bayisirayiri bwe baakakanyaza emitima gyabwe, okutuusa mmwe Abaamawanga, lwe muliyingira.

26 N’oluvannyuma Isirayiri yenna alirokolebwa, ng’Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti,

“Omulokozi aliva mu Sayuuni,
era aliggyawo obutatya Katonda mu bazzukulu ba Yakobo.
27 Era eyo ye ndagaano yange nabo,
bwe ndibaggyako ebibi byabwe.”

28 Mu njiri balabe ku lwammwe, naye mu kulondebwa baagalwa olwa bajjajjaabwe.

29 Kubanga Katonda bw’agabira abantu ebirabo oba bw’abayita, teyejjusa.

30 Kuba nga mmwe edda bwe mwajeemera Katonda, kyokka kaakano nga musaasiddwa olw’obujeemu bw’Abayudaaya,

31 bwe batyo nabo kaakano bajeemu, eri ekyo ekyali okusaasira gye muli, balyoke basaasirwe.

32 Kubanga Katonda yaleka abantu bonna mu bujeemu alyoke abakwatirwe ekisa.

33 Kale nga Katonda wa kitalo,
ng’amagezi ge mangi n’okutegeera kwe kungi era n’obugagga bungi;
ensala ye ey’emisango nga tekeberekeka, n’amakubo ge tegekkaanyizika.
34 “Kubanga ani ayinza okutegeera okulowooza kwa Mukama?
Oba ani ayinza okumuluŋŋamya?”
35 “Oba ani eyali asoose okumuwa ekintu,
alyoke amuddizeewo?”
36 Kubanga byonna biva gy’ali, era biyita mu ye era bidda gy’ali.
Ekitiibwa kibe gy’ali emirembe gyonna. Amiina.

# 12

## *Ssaddaaka Ennamu*

1 Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw’okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw’omwoyo.

2 So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw’okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw’amazima.

3 Kubanga njogera olw’ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky’asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky’okukkiriza.

4 Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gya njawulo.

5 Noolwekyo nga bwe tuli omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo.

6 Tulina ebirabo, ng’ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey’enjawulo, oba bunnabbi, ng’ekigera ky’okukkiriza bwe kiri,

7 oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza;

8 oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n’obunyiikivu, n’omulala okulaga ekisa nga musanyufu.

### *Okwagala*

9 Mube n’okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywererenga ku kirungi,

10 nga mwagalana mu kwagala okw’abooluganda, nga muwaŋŋana ekitiibwa,

11 mu kunyiikira so si mu kugayaala. Musanyukirenga mu mwoyo nga muweereza Mukama,

12 nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba.

13 Mufengayo ku byetaago by’abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi.

14 Musabirenga ababayigganya; mubasabirenga so temubakolimiranga.

15 Musanyukirenga wamu n’abo abasanyuka, era mukaabirenga wamu n’abo abakaaba.

16 Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu ne munne, nga temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu. Temwekulumbazanga.

17 Temusasulanga kibi olw’ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna.

18 Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n’abantu bonna;

19 abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, “Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula,” bw’ayogera Mukama.

20 “Noolwekyo omulabe wo bw’alumwanga enjala, muliisenga; bw’alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw’okola bw’otyo olimukumira amanda g’omuliro ku mutwe gwe.”

21 Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng’okola obulungi.

## 13

1 Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n’abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda.

2 Noolwekyo abawakanya abafuzi, bawakanya buyinza bwa Katonda.
Era baba bawakanya kiragiro kye, bwe batyo ne beereetako bokka
omusango.
3 Kubanga abafuzi baba tebalwanyisa bikolwa birungi naye ebibi.
Oyagala obutakangibwa wa buyinza, kola bulungi osiimibwe,
4 kubanga muweereza wa Katonda ku lw'obulungi bwo. Naye
bw'onookolanga ekibi, osaanidde otye kubanga ekitala ky'alina si kya
bwereere, kubanga muweereza wa Katonda awoolera eggwanga eri oyo
akola ekibi.
5 Noolwekyo kibagwanira okuba abawulize, si lwa busungu bwokka,
naye n'olw'okumanya nga kye kituufu.
6 Era kyemuva muwa omusolo kubanga abakozi abo baweereza ba
Katonda nga banyiikirira emirimu gyabwe.
7 Abantu bonna basasulenga ebibabanjibwa; musasulenga emisolo eri
abo be muteekwa okuwa omusolo, n'ow'empooza mumuwenga empooza;
n'oyo ateekwa okutiibwa mumutyenga, n'oyo ateekwa okuweebwa ekiti-
ibwa mumuwenga ekitiibwa.
8 Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwa-
galananga; kubanga ayagala muntu munne ng'atuukiriza amateeka.
9 Kubanga amateeka gano nti, "Toyendanga, tottanga, tobbanga, te-
weegombanga," n'etteeka eddala, ligattiddwa mu kino nti, "Yagalanga
muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka."
10 Ayagala muliraanwa we tamukola bubi; noolwekyo okwagala kyekuva
kutuukiriza amateeka.
11 Mumanye nga kino kye kiseera, era essaawa etuuse mugolokoke
okuva mu tulo, kubanga kaakano obulokozi bwaffe buli kumpi okusinga
ne we twakkiririza.
12 Ekiro kiyise, obudde bunaatera okukya, noolwekyo tweyambulemu
ebikolwa eby'ekizikiza, twambale ebyokulwanyisa eby'omusana.
13 Tutambulenga ng'ab'omu musana, so si mu binyumu ne mu kutami-
ira, ne mu bwenzi n'obukaba, ne mu kuyombagana n'obuggya,
14 naye twambale Mukama waffe Yesu Kristo so tetuwanga mubiri
bbanga kukola ng'okwegomba kwagwo bwe kuli.

# 14

*Obutanenyagananga lwa Byakulya*

1 Mwanirizenga omunafu mu kukkiriza, nga temumusalira musango.
2 Wabaawo omuntu omu akkiririza mu kulya ebintu byonna, nga so ye
omunafu akoma ku nva kwokka.
3 Omuntu asalawo okubaako ky'alya tanyoomanga atakirya, n'oyo
atalya kintu alemenga kusalira musango oyo akirya kubanga Katonda
yamusembeza.
4 Ggwe ani asalira omusango omuweereza w'omuntu omulala? Mukama
we y'amanya oba atuukiriza emirimu gye oba tagituukiriza. Naye
aligituukiriza kubanga Mukama we alimusobozesa.
5 Omuntu omu agulumiza olunaku olumu okusinga olulala, naye
omulala n'alowooza nti ennaku zonna zenkanankana. Noolwekyo buli
muntu anywererenga ku ky'alowooza bwe kiba nga kye kituufu.
6 Akuza olunaku aba alukuza eri Mukama. Oyo alya aba alya ku bwa
Mukama, kubanga aba agulumiza Katonda. N'oyo atalya aba talya ku bwa
Mukama, era aba agulumiza Katonda.

7 Kubanga tewali n'omu ku ffe abeera omulamu ku bubwe yekka, era
tewali n'omu afa ku lulwe.
8 Kubanga bwe tuba abalamu, tuba balamu ku bwa Mukama, oba bwe
tufa, tufa ku bwa Mukama. Kale nno bwe tuba abalamu oba bwe tufa, tuli
ba Mukama.
9 Kubanga ekyo Kristo kye yafiira ate n'abeera omulamu, alyoke abeere
Mukama w'abo abaafa era n'abalamu.
10 Kale ggwe lwaki osalira muganda wo omusango? Oba lwaki onyooma
muganda wo? Kubanga ffenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ya
Katonda, ey'okulamula.
11 Kubanga kyawandiikibwa nti,
" 'Nga bwe ndi omulamu,' bw'ayogera Mukama,
'buli vviivi lirinfukaamirira
era na buli lulimi lulyatula Katonda.' "
12 Noolwekyo buli omu ku ffe alyennyonnyolako eri Katonda.

### *Okwesittaza Abalala*

13 Noolwekyo tetusaliragananga misango. Tumalirire obuteesittaza
waluganda wadde okumutega okugwa mu kibi.
14 Mmanyi era nkakasiza ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali
kya muzizo ku bwakyo, wabula kya muzizo eri oyo akirowooza nga kya
muzizo.
15 Kubanga obanga muganda wo anakuwala olw'ekyo ky'olya, oba
tokyatambulira mu kwagala; tolyanga kintu kyonna ky'omanyi nga
kinaakyamya omuntu oyo Kristo gwe yafiirira.
16 Ekirungi ekiri mu mmwe kireme okuvumibwa.
17 Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kulya na kunywa, wabula
butuukirivu na mirembe, na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu.
18 Kubanga aweereza Kristo mu ebyo asanyusa nnyo Katonda era
asiimibwa abantu.
19 Noolwekyo tunyiikirirenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagana
ffekka ne ffekka.
20 Toyonoonanga mulimu gwa Katonda olw'emmere. Ebintu byonna
birongoofu, naye ekibi kwe kulya ekyo ekireetera omulala okwesittala.
21 Kirungi obutalya nnyama newaakubadde okunywa wayini
newaakubadde ekintu kyonna ekyesittaza muganda wo.
22 Ky'okkiririzaamu mu kulya kikuume nga kya kyama ne Katonda.
Alina omukisa ateesalira musango kumusinga mu ekyo ky'alowooza nga
kituufu.
23 Naye oyo abuusabuusa bw'alya, omusango gumaze okumusinga,
kubanga talya lwa kukkiriza, era na buli ekitava mu kukkiriza kiba kibi.

# 15

### *Temwesanyusa Mwekka*

1 Ffe abanywevu kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatali
banywevu, so si okwesanyusa ffekka.
2 Buli omu ku ffe asanyusenga muliraanwa we mu bulungi
olw'okumuzimba mu kukkiriza.
3 Kubanga ne Kristo teyeesanyusa yekka, nga bwe kyawandiikibwa nti,
"Ebivume by'abo abaakuvuma byagwa ku nze."

4 Kubanga ebyawandiikibwa byonna edda, byawandiikibwa kutuyi-
giriza, tulyoke tugumiikirizenga era tuzzibwemu amaanyi, ate tube
n'essuubi.
5 Kaakano Katonda w'okugumiikiriza era azaamu amaanyi, abawe
okulowoozanga obumu buli omu eri munne mu Kristo Yesu,
6 mu mwoyo gumu n'eddoboozi limu mulyoke mugulumizenga Katonda,
Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo.
7 Noolwekyo mwanirizaganenga, nga Kristo bwe yabaaniriza
olw'ekitiibwa kya Katonda.
8 Kubanga njogera nti Kristo yafuuka muweereza w'abakomole
olw'amazima ga Katonda alyoke anyweze ebisuubizo bya bajjajjaffe
9 n'Abaamawanga balyoke bagulumize Katonda olw'okusaasira kwe,
nga bwe kyawandiikibwa nti,
"Kyendiva nkutendereza mu Baamawanga,
era ne ntendereza erinnya lyo."
10 Era n'ayongera n'agamba nti:
"Mmwe Abaamawanga musanyukirenga wamu n'abantu be."
11 Era nate nti,
"Abaamawanga mwenna, mutendereze Mukama,
era abantu bonna bamutenderezenga."
12 Ne Nnabbi Isaaya agamba nate nti,
"Walibaawo muzzukulu wa Yese alijja
era alisituka okufuga Abaamawanga,
era mu ye mwe muliba essuubi lyabwe."
13 Kaakano Katonda w'okusuubira, abajjuze essanyu lyonna
n'emirembe mu kukkiriza, mulyoke mweyongerenga mu ssuubi
ery'amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu.

### *Pawulo Omuweereza w'Abaamawanga*

14 Era matidde baganda bange, nze kennyini, nga nammwe bennyini
mujjudde obulungi, nga mujjudde okutegeera kwonna, era nga muyinza
okubuuliriragana.
15 Naye mu bitundu ebimu eby'ebbaluwa eno nabawandiikira
n'obuvumu nga mbajjukiza olw'ekisa ekyampebwa okuva eri Katonda,
16 kubanga nze ndi muweereza wa Kristo Yesu eri Abaamawanga, nga
nkola obuweereza obutukuvu nga mbulira Enjiri ya Katonda, ekiweeb-
wayo ky'Abaamawanga kiryoke kikkirizibwe, nga kitukuzibbwa Mwoyo
Mutukuvu.
17 Noolwekyo neenyumiririza mu Kristo olw'omulimu gwa Katonda;
18 kubanga siryaŋŋanga kwogera bintu Kristo by'atakolera mu nze
Abaamawanga balyoke babeere abawulize mu kigambo ne mu bikolwa,
19 ne mu maanyi ag'obubonero n'eby'amagero, ne mu maanyi
ag'Omwoyo wa Katonda. Bwe ntyo okuva e Yerusaalemi n'okwetooloola
okutuuka mu Iruliko*, mbulidde Enjiri ya Kristo mu bujjuvu.
20 Nduubirira okubuulira Enjiri mu bifo etayatulwanga linnya lya Kristo,
nneme okuzimba ku musingi gw'omuntu omulala,
21 nga bwe kyawandiikibwa nti,
"Abo abatategeezebwanga bimufaako baliraba,
n'abo abatawulirangako balitegeera."

### *Pawulo Ategeka Okukyalira Ruumi*

* **15:19** Iruliko: mu biro bino y'ensi ya Yugosiloviya mu nsi z'Ebulaaya

22 Kyennava nziyizibwanga ennyo okujja gye muli;
23 naye kaakano nga bwe sikyalina kifo mu bitundu by'eno, ate nga maze
emyaka mingi nga njagala okujja gye muli, nsubira okujjayo,
24 bwe ndiba nga ndaga mu Esupaniya. Kubanga nsuubira okubalaba
nga mpitayo, n'oluvannyuma munnyambe okuva eyo ndyoke ntuukirize
ekitundu ekisooka.
25 Naye kaakano ndaga e Yerusaalemi okuweereza abatukuvu.
26 Ab'omu Makedoniya ne mu Akaya baasanyuka okuwaayo ku byabwe
eri abatukuvu abaavu ab'omu Yerusaalemi.
27 Baasanyuka era balina ebbanja gye bali, kubanga ng'Abaamawanga
bwe baagabana ku bintu eby'omwoyo okuva gye bali, n'Abaamawanga
nabo basaanye okubaweereza mu bintu eby'omubiri.
28 Noolwekyo bwe ndimaliriza ekyo ne mbakwasa ekibala ekyo, ndiyitira
ewammwe nga ŋŋenda Esupaniya.
29 Era mmanyi nga bwe ndijja gye muli, ndijja n'omukisa gwa Kristo mu
bujjuvu.
30 Kaakano mbakuutira abooluganda, mu Mukama waffe Yesu Kristo ne
mu kwagala kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange, nga munsabira eri
Katonda,
31 mpone abo abajeemu mu Buyudaaya, n'obuweereza bwange busiim-
ibwe abatukuvu mu Yerusaalemi,
32 ndyoke nsobole okujja gye muli olw'okwagala kwa Katonda, okuwum-
mulira awamu nammwe, nga ndi musanyufu.
33 Kale kaakano Katonda ow'emirembe, abeerenga nammwe mwenna.
Amiina.

# 16

*Okulamusa*

1 Kaakano mbanjulira Foyibe mwannyinaffe, era omuweereza
w'ekkanisa* ey'omu Kenkereya.
2 Mumwanirize mu Mukama waffe, nga bwe kigwanidde abatukuvu,
era muyimirire naye nga mumuyamba mu nsonga yonna gye yeetaaga,
kubanga naye yennyini yayamba bangi era nange kennyini.
3 Mundabire Pulisikira ne Akula, bwe tukola omulimu mu Kristo Yesu,
4 abeewaayo wakiri okutemwako emitwe olw'obulamu bwange, era si
beebaza bokka wabula n'Ekkanisa z'Abamawanga zonna.
5 Mutuuse okulamusa kwange eri abo bonna abakuŋŋaana ng'ekkanisa
mu maka gaabwe.
Mundabire mukwano gwange omwagalwa Epayineeto, kye kibala
eky'olubereberye eky'omu Asiya eri Kristo.
6 Mundabire Maliyamu eyabakolera ennyo.
7 Mundabire Anduloniiko ne Yuniya ab'ekika kyange, abaasibibwa
awamu nange mu kkomera, era bassibwamu nnyo ekitiibwa abatume era
be bansooka okubeera mu Kristo.
8 Mundabire Ampuliyaato omwagalwa wange mu Mukama waffe.
9 Mundabire Ulubano, mukozi munnaffe mu Kristo, n'omwagalwa waffe
Sutaku.
10 Mundabire Apere, asiimibwa mu Kristo.
Mundabire n'ab'omu nnyumba ya Alisutobulo.
11 Mundabire Kerodiyoni muganda wange.

---
* **16:1** Foyibe yali mudiikoni mu kkanisa eyo

Mundabire ab'omu nnyumba ya Nalukiso.
12 Mundabire Terufayina ne Terufoosa, abaakola ennyo omulimu gwa Mukama waffe.
Mundabire Perusi omwagalwa eyakola ennyo omulimu mu Mukama waffe.
13 Mundabire Luufo Mukama gwe yalonda, era ne nnyina ali nga mmange.
14 Mundabire Asunkulito ne Felegoni, ne Kerume, ne Patuloba, ne Keruma era n'abooluganda abali nabo.
15 Mundabire Firologo ne Yuliya, ne Nerewu ne mwannyina, ne Olumpa n'abatukuvu bonna abali awamu nabo.
16 Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu.
Ekkanisa zonna eza Kristo, zibalamusizza.

### *Ebisembayo*

17 Noolwekyo mbakuutira abooluganda mwegenderezenga abo abaleeta enjawukana, n'eby'esittaza ebikontana n'okuyigiriza kwe mwayiga, era mubakubenga amabega.
18 Kubanga abantu ng'abo tebaweereza Mukama waffe Yesu, wabula embuto zaabwe. Bakozesa ebigambo ebirungi eby'okuwaanawaana nga balimbalimba emitima gy'abanafu.
19 Kubanga amawulire ag'okuwulira kwammwe gaabuna mu bantu bonna, kyenvudde mbasanyukira. Naye njagala mubenga bagezi mu kukola obulungi, era abalongoofu abeewala ekibi.

20 Kaakano Katonda ow'emirembe ajja kubetentera Setaani wansi w'ebigere byammwe, mangu.

Ekisa kya Mukama waffe Yesu kibeerenga nammwe.

21 Timoseewo mukozi munnange, ne Lukiyo ne Yasooni wamu ne Sosipateri, baganda bange, babatumidde.
22 Nange Terutiyo† awandiika ebbaluwa eno, mbatumidde mu Mukama waffe.
23 Gaayo‡ ansuza, n'ekkanisa yonna babalamusizza. Mundabire Erasuto omuwanika w'ekibuga, ne Kwaluto muganda we.
24 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe mwenna. Amiina.

### *Pawulo Abasiibula n'Okusaba*

25 Kaakano eri oyo ayinza okubanyweza ng'enjiri yange n'okubuulira mu Kristo Yesu bwe biri, ng'ekyama ky'okubikkulirwa eby'ebiro eby'emirembe n'emirembe ebyasirikirwa, bwe kiri,
26 kaakano nga bannabbi bwe baayogerera mu byawandiikibwa, ng'ekiragiro kya Katonda ataggwaawo bwe kiri, olw'okugonda mu kukkiriza eri Abaamawanga bonna abaamanyibwa,
27 Katonda omu yekka ow'amagezi, agulumizibwenga ku bwa Yesu Kristo, emirembe n'emirembe. Amiina.

---

† **16:22** Terutiyo ye yakubanga tayipu nga Pawulo awandiika ebbaluwa ze ‡ **16:23** Gaayo yandiba Gaayo ow'omu 1Ko 1:14, Pawulo gwe yabatiza

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu ey'Olubereberye eri Abakkolinso

1 Nze Pawulo eyayitibwa okuba omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala
kwa Katonda, ne Sossene* owooluganda†,
2 tuwandiikira ekkanisa ya Katonda eri mu Kkolinso n'eri abo abaatukuzibwa mu Kristo Yesu, abayitibwa abatukuvu, n'abo bonna abakoowoola erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo mu buli kifo, owaabwe era owaffe;
3 ekisa kibe ku mmwe n'emirembe egiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama
waffe Kristo.

*Okwebaza*

4 Nneebaza Katonda wange bulijjo ku lwammwe, olw'ekisa kya Katonda
ekyabaweebwa mu Kristo Yesu,
5 mu ye mwagaggawazibwa mu buli kintu, ne mu kwogera kwonna, era
ne mu kutegeera kwonna,
6 era ng'obujulirwa bwa Kristo bwe bwakakasibwa mu mmwe,
7 muleme kubaako kye mwetaaga mu kirabo kyonna, nga mulindirira
okubikkulirwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo.
8 Era oyo y'alibanyweza ku nkomerero, nga temuliiko kya
kunenyezebwa ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu Kristo.
9 Katonda mwesigwa, oyo eyabayita mu kussekimu okw'Omwana we
Yesu Kristo Mukama waffe.
10 Kaakano mbeegayirira abooluganda, mu Iinnya lya Mukama waffe
Yesu Kristo, mukkiriziganyenga mwekka na mwekka muleme okwawukananga. Naye mube n'omutima gumu n'endowooza emu.
11 Abooluganda, ab'ewa Kuloowe bannyinnyonnyola nti mu mmwe
mulimu ennyombo.
12 Kye ŋŋamba kye kino nti buli omu ku mmwe agamba nti nze ndi wa
Pawulo, nze ndi wa Apolo, nze ndi wa Keefa, nze ndi wa Kristo.
13 Kale Kristo ayawuliddwamu? Pawulo yakomererwa ku musaalaba ku
lwammwe? Oba mwabatizibwa mu linnya lya Pawulo?
14 Neebaza Katonda kubanga nze sibatizanga muntu n'omu ku mmwe
okuggyako Kulisupo ne Gaayo.
15 Noolwekyo si kulwa nga wabaawo agamba nti mwabatizibwa mu
linnya lyange.
16 Naye nzijukira nga nabatiza ab'omu nnyumba ya Suteefana, naye
sirowooza nga nabatiza omuntu omulala yenna.
17 Kristo teyantuma kubatiza wabula yantuma kubuulira Njiri. Era
sigibuulira mu magezi ga bigambo bugambo, si kulwa ng'omusaalaba gwa Kristo gumalibwamu amaanyi gaagwo.

*Kristo Amagezi n'Amaanyi ga Katonda*

18 Ekigambo ky'omusaalaba kya busirusiru eri abo abazikirira naye eri
ffe abaalokolebwa ge maanyi ga Katonda.

---

* **1:1** Sossene alabika okuba nga ye mukulembeze w'ekkuŋŋaaniro ayogerwako mu Bik 18:17
† **1:1** owooluganda kitegeeza mukkiriza munnange

19 Kubanga kyawandiikibwa nti,
“Ndizikiriza amagezi g’abagezi,
ne nzigyawo okumanya kw’abayivu.”
20 Kale omugezi aluwa? N’omuwandiisi aluwa? Omuwakanyi
w’omulembe guno aluwa? Katonda teyafuula amagezi ag’ensi eno okuba
obusirusiru?
21 Kubanga Katonda, mu magezi ge, yalaba ng’ensi teyinza kumumanya
ng’eyita mu kutegeera kwayo. Katonda kyeyava asiima okuyita mu
busirusiru bw’okubuulira Enjiri okulokola abakkiriza.
22 Kubanga Abayudaaya banoonya bubonero, Abayonaani bo ne
banoonya amagezi,
23 naye ffe tubuulira Kristo eyakomererwa. Eri Abayudaaya nkonge, eri
Abaamawanga busirusiru,
24 naye eri abaayitibwa, Abayudaaya n’Abamawanga, Kristo ge maanyi
ga Katonda, era amagezi ga Katonda.
25 Kubanga obusirusiru bwa Katonda businga amagezi g’abantu,
n’obunafu bwa Katonda businga abantu amaanyi.
26 Kubanga mulabe okuyitibwa kwammwe abooluganda, bangi ku
mmwe temwali bagezi mu mubiri, era nga bangi temuli b’amaanyi, era
nga bangi temwazaalibwa nga muli ba kitiibwa.
27 Naye Katonda yalonda ebisirusiru eby’ensi, akwase abagezi ensonyi;
era Katonda yalonda ebinafu eby’ensi, akwase ab’amaanyi ensonyi,
28 era n’alonda abakopi ab’ensi n’abo abanyoomebwa; era n’ebitaliiwo
alyoke aggyewo ebiriwo,
29 waleme kubaawo muntu n’omu eyeenyumiriza mu maaso ga Katonda.
30 Kyokka ku bw’oyo muli mu Kristo Yesu, eyafuuka amagezi gye tuli
okuva eri Katonda, bwe butuukirivu, n’okutukuzibwa, n’okununulibwa,
31 nga bwe kyawandiikibwa nti eyeenyumiriza yeenyumirizenga mu
Mukama waffe.

# 2

1 Bwe najja gye muli abooluganda sajja gye muli na bumanyirivu mu
kwogera wadde amagezi nga nangirira ekyama kya Katonda gye muli.
2 Kubanga nasalawo obutamanya kintu kyonna mu mmwe wabula Yesu
Kristo oyo eyakomererwa.
3 Bwe nnali nammwe nnali munafu, nga ntya era nga nkankana nnyo.
4 Era okubuulira kwange n’okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi
ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu,
5 okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw’amagezi ga bantu wabula
kwesigame ku maanyi ga Katonda.

### *Amagezi ga Katonda*

6 Naye eri abo abakulu mu mwoyo, twogera eby’amagezi agatali ga mu
mulembe guno, wadde ag’abafuzi ab’omu mulembe guno abaggwaawo.
7 Wabula twogera eby’amagezi ga Katonda, agatamanyiddwa era agak-
isibwa, Katonda bye yateekateeka edda n’edda olw’ekitiibwa kyaffe;
8 tewali n’omu ku bafuzi ab’omulembe guno abaagategeera, kubanga
singa baamanya tebandikomeredde Mukama ow’ekitiibwa.
9 Naye nga bwe kyawandiikibwa nti,
“Eriiso bye litalabangako,
n’okutu bye kutawulirangako,
n’omutima gw’omuntu kye gutalowoozangako

Katonda bye yategekera abo abamwagala.”
10 Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n’eby’omunda ennyo ebya Katonda.
11 Kubanga muntu ki ategeera eby’omuntu omulala okuggyako omwoyo w’omuntu oyo ali mu ffe? Noolwekyo n’ebintu bya Katonda tewali abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda.
12 Era kaakano ffe tetwafuna mwoyo wa ku nsi, wabula Omwoyo eyava eri Katonda, tulyoke tumanye ebintu Katonda bye yatuwa obuwa,
13 era ne mu bigambo bye twogera so si mu kuyigirizibwa okw’amagezi g’abantu, naye mu bigambo Omwoyo by’ayigiriza, ebintu eby’Omwoyo nga bikwatagana n’eby’Omwoyo.
14 Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy’ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo.
15 Naye omuntu ow’Omwoyo akebera ebintu byonna, naye tewali n’omu amukebera.
16 “Kubanga ani eyali ategedde okulowooza kwa Mukama,
era ani alimulagira?
Kyokka ffe tulina endowooza ya Kristo.”

# 3

*Okwawukana mu Kkanisa*

1 Nange abooluganda ssaasobola kwogera nammwe ng’ab’omwoyo, naye nayogera nammwe ng’ab’omubiri era ng’abaana abawere mu Kristo.
2 Nabanywesa mata so si mmere enkalubo, kubanga mwali temunnagisobola. Naye era ne kaakano temunnagisobola,
3 kubanga mukyafugibwa mubiri. Naye obanga mukyalimu obuggya n’ennyombo, temufugibwa mubiri era temutambula ng’abalina empisa z’abantu obuntu?
4 Kubanga omuntu yenna bw’agamba nti, “Nze ndi wa Pawulo,” n’omulala nti, “Nze ndi wa Apolo,” olwo temuba ng’abantu obuntu?
5 Kale Apolo ye ani? Ne Pawulo ye ani? Baweereza buweereza ababakkirizisa, nga Mukama bwe yawa buli omu.
6 Nze nasiga, Apolo n’afukirira, kyokka Katonda ye yakuza.
7 Kale bwe kityo oyo asiga n’oyo afukirira si be bakulu wabula Katonda akuza.
8 Oyo asiga kaakano n’oyo afukirira bali bumu, era buli omu aliweebwa empeera ye okusinziira ku mulimu gw’aliba akoze.
9 Kubanga ffe tuli bakozi abakolera awamu ne Katonda, ate mmwe muli nnimiro ya Katonda, muli nnyumba ya Katonda.
10 Okusinziira ku kisa kya Katonda ekya mpeebwa, ng’omuzimbi ow’amagezi, nazimba omusingi, kaakano omulala aguzimbako. Naye buli aguzimbako yeegenderezenga bw’aguzimbako.
11 Kubanga tewali n’omu ayinza kuteekawo musingi mulala okuggyako ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo.
12 Naye Omuntu bw’aguzimbisaako ezaabu, effeeza, n’amayinja ag’omuwendo n’emiti, n’essubi, oba ebisasiro;
13 omulimu gwa buli omu gulirabibwa, kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe guli.
14 Omuntu kye yazimba ku musingi ogwo bwe kirisigalawo, aliweebwa empeera.

15 Naye omulimu gw'omuntu yenna bwe gulyokebwa omuliro, alifiirwa, kyokka ye yennyini alirokolebwa, naye ng'ayita mu muliro.

16 Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe?

17 Omuntu yenna azikiriza Yeekaalu ya Katonda, Katonda alizikiriza omuntu oyo; kubanga Yeekaalu ya Katonda ntukuvu, ye mmwe.

18 Omuntu yenna teyeerimbalimbanga; omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba omugezi mu mmwe mu mirembe gino afuukenga musirusiru alyoke abeere omugezi.

19 Kubanga amagezi ag'ensi eno, bwe busirusiru eri Katonda. Kubanga kyawandiikibwa nti, "Akwatira abagezi mu nkwe zaabwe."

20 Era kyawandiikibwa nti, "Mukama amanyi ng'ebirowoozo by'abagezi temuli nsa."

21 Noolwekyo waleme kubaawo muntu n'omu yeenyumiririza mu bantu, kubanga byonna byammwe,

22 oba Pawulo oba Apolo oba Keefa oba nsi, oba bulamu, oba kufa, oba bintu ebya kaakano, oba ebijja, byonna byammwe,

23 nammwe muli ba Kristo, ne Kristo wa Katonda.

# 4

### *Abatume ba Kristo*

1 Omuntu asaanidde atulabe ng'abaweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda.

2 Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa.

3 Naye gye ndi ekyo kintu kitono nnyo mmwe okunsalira omusango oba omuntu yenna ku lunaku olw'okusalirako omusango; nange sseesalira musango.

4 Kubanga nze seemanyiiko nsonga yonna, wabula ekyo tekimpeesa butuukirivu, naye ansalira omusango ye Mukama waffe.

5 Noolwekyo temusalanga musango ekiseera nga tekinnatuuka okutuusa Mukama waffe lw'alijja, alimulisa ebyakwekebwa eby'ekizikiza, n'ayolesa n'ebigendererwa by'omutima, buli muntu n'alyoka atendebwa Katonda.

6 Kaakano abooluganda ebintu ebyo mbigeredde ku nze ne ku Apolo ku lwammwe, mulyoke muyigire ku ffe obutasukkanga ku byawandiikibwa, omuntu omu alemenga okwegulumiza ng'anyooma omulala.

7 Kubanga ani akwawula? Era mulina kye mutaaweebwa? Kale obanga ddala mwaweebwa, kiki ate ekibenyumirizisa ng'abataakifuna?

8 Mwakkuta dda n'okugaggawala ne mugaggawala, era ne mufuuka bakabaka awatali ffe; naye nandyagadde mufuuke bakabaka, naffe tulyoke tufuukire wamu bakabaka nammwe.

9 Kubanga ndowooza nga ffe abatume, Katonda yatuteeka ku nkomerero ng'abasibe abalindirira okuttibwa, kubanga twafuulibwa ekyerolerwa eri ensi, eri bamalayika n'eri abantu.

10 Tuli basirusiru ku bwa Kristo, naye mmwe muli bagezi mu Kristo; Ffe tuli banafu naye mmwe muli ba maanyi! Mmwe muli ba kitiibwa naye ffe tunyoomebwa.

11 Era ne mu kiseera kino tulumwa enjala n'ennyonta nga tetulina na kyakwambala, tukubibwa era tubungeeta bubungeesi.

12 Tutegana nga tukola emirimu n'emikono gyaffe; tusabira emikisa abo abatukolimira; bwe tuyigganyizibwa tugumiikiriza;

13 abo abatuvuma tubaddamu ne gonjebwa. Era n'okutuusa kaakano
tuli ng'ebisooto mu bigere era tuli ng'ebisaaniiko.
14 Siwandiika bintu bino lwa kubaswaza naye lwa kubabuulirira
ng'abaana bange abaagalwa.
15 Kubanga newaakubadde mulina abalala nkumi na nkumi ababayi-
giriza ebya Kristo, naye mujjukirenga nga mulina bakitammwe batono.
Kubanga nze mbazaala mu Kristo olw'enjiri.
16 Noolwekyo mbongeramu amaanyi mulabire ku nze.
17 Kyennava mbatumira Timoseewo omwana wange omwesigwa era
omwagalwa mu Mukama waffe, anaabajjukizanga ebyo bye ngoberera mu
Kristo Yesu nga bwe njigiriza wonna wonna mu buli Kkanisa.
18 Naye waliwo abamu mu mmwe abeekuluntaza nga balowooza nti
sigenda kujja gye muli.
19 Naye nzija mangu, Mukama bw'anaasiima ndyoke mmanye amaanyi
g'abo abeekuluntaza so si mu bigambo obugambo.
20 Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi,
wabula mu maanyi.
21 Kiruwa kye mwagala? Nzije n'omuggo, oba nzije na kwagala
n'omwoyo ogw'obuwombeefu?

# 5

*Okugoba Owooluganda ow'Empisa Embi*

1 Twategeezebwa nga mu mmwe mulimu obwenzi, ate obwenzi obutali
na mu baamawanga, kubanga omuntu atwala muka kitaawe n'amufuula
mukazi we.
2 Mwekuluntazizza mu kifo ky'okwewombeeka. Oyo akola ekikolwa
ng'ekyo eky'okwekuluntaza, tasaanye kuggyibwamu mu mmwe?
3 Nze newaakubadde nga siri eyo nammwe mu mubiri, naye nga bwe
ndi nammwe mu mwoyo, omuntu eyakola ekyo mmaze okumusalira
omusango okumusinga.
4 Mu linnya lya Mukama waffe Yesu, mukuŋŋaane nga nange ndi
nammwe mu mwoyo n'amaanyi ga Mukama waffe Yesu nga gali nammwe.
5 Omuntu ng'oyo mumuweeyo eri Setaani omubiri gwe guzikirizibwe,
omwoyo gwe gulyoke gulokolebwe ku lunaku lwa Mukama waffe.
6 Okwenyumiriza kwammwe si kulungi. Temumanyi ng'ekizimbulukusa
ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna?
7 Muggyeemu ekizimbulukusa eky'edda, mulyoke mubeere ekitole ekig-
gya, nga temuliimu kizimbulukusa; kubanga Kristo ye ndiga eyaweebwayo
ng'ekiweebwayo eky'Okuyitako ku lwaffe.
8 Noolwekyo tulye embaga si na kizimbulukusa eky'edda,
newaakubadde ekizimbulukusa eky'ettima n'ekibi, naye tugirye
n'omugaati ogutaliimu kizimbulukusa nga gulimu obulongoofu
n'amazima.
9 Mbawandiikira nga mbalabula obutegattanga na benzi,
10 so si okwewala abenzi ab'ensi eno, oba aboomululu, oba abakumpa-
nya, oba abasinza bakatonda abalala, kubanga kyandibagwanidde mmwe
okuva mu nsi.
11 Naye kaakano mbawandiikira nga mbategeeza nti mwewale omuntu
yenna ayitibwa owooluganda ng'ate mwenzi, owoomululu, asinza baka-
tonda abalala, oba omuvumi, oba omutamiivu oba omukumpanya.
Ab'engeri eyo n'okulya temulyanga nabo.

12 Kale nze nfaayo ki okusalira ab'ebweru omusango? Lwaki sisalira abo
abali mu mmwe?
13 Naye ab'ebweru Katonda ye abasalira. Omubi oyo ali mu mmwe
mumuggyeemu.

# 6

1 Omuntu yenna mu mmwe bw'aba n'ensonga ne munne, agitwala eri
abatali batuukirivu oba eri abatukuvu?
2 Oba temumanyi ng'abatukuvu be balisalira ensi omusango? Kale
obanga mmwe mulisalira ensi omusango, temusobola kusala nsonga ntono
eziri mu mmwe?
3 Temumanyi nga ffe tulisalira bamalayika omusango, okwo nga totad-
deeko bintu bya mu bulamu buno?
4 Kale bwe muba n'ensonga lwaki muzitwala mu abo abanyoomebwa
ekkanisa ne mubalonda okuba abalamuzi?
5 Njagala kubakwasa nsonyi; ddala mu mmwe temuli muntu n'omu alina
magezi asobola okusala ensonga wakati w'abooluganda?
6 Naye owooluganda ayinza okuwoza n'owooluganda mu maaso
g'abatali bakkiriza?
7 N'okuwozaŋŋana mwekka na mwekka kiraga nti muli mu kabi.
Lwaki obutamala gakolwanga bubi? Lwaki obutamala galyazaamaany-
izibwanga?
8 Naye musobya baganda bammwe ne mubalyazaamaanya.
9 Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka
bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza
bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeey-
isa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga,*
10 newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde
abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyin-
gira mu bwakabaka bwa Katonda.
11 Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaaz-
ibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya
Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe.

### *Ekibi eky'Obwenzi*

12 Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola, mu mateeka, naye by-
onna tebinsanira. Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola naye sigenda
kufugibwa kintu na kimu.
13 Ebyokulya bya lubuto, n'olubuto lwa byakulya. Naye byombi Katonda
alibizikiriza. Omubiri si gwa bwenzi, naye gwa Mukama.
14 Era Katonda eyazuukiza Mukama waffe alituzuukiza olw'amaanyi ge.
15 Temumanyi ng'emibiri gyammwe bitundu bya Kristo? Ate nzirire
ebitundu bya Kristo mbifuule eby'omwenzi? Kikafuuwe.
16 Oba temumanyi nti omuntu yenna eyeegatta n'omwenzi, emibiri
gyammwe gifuuka gumu? Kubanga kigambibwa nti, "Bombi balifuuka
omubiri gumu."
17 Naye eyeegatta ne Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo.
18 Mudduke obwenzi. Buli kibi omuntu ky'akola kiba ku mubiri, naye
ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye yennyini.

---

* **6:9** bamalaaya abasajja n'abasajja abaalyanga ebisiyaga baali bangi mu nsi ya Buyonaani ne mu Baruumi

19 Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibiri gyammwe si gyammwe ku bwammwe?
20 Kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibiri gyammwe gigulumizenga Katonda.

# 7

*Obufumbo*

1 Kaakano ku bintu bye mwampandiikira, kirungi omusajja obutakwatanga ku mukazi.
2 Naye olw'ebikolwa eby'obwenzi, buli musajja abeerenga ne mukazi we; era na buli mukazi abeerenga ne bba.
3 Omusajja ateekwa okutuukirizanga eby'obufumbo byonna eri mukazi we era n'omukazi bw'atyo.
4 Kubanga omukazi bw'afumbirwa aba takyafuga mubiri gwe ye wabula bba, era n'omusajja bw'atyo aba takyafuga mubiri gwe ye wabula mukazi we y'aba agulinako obuyinza.
5 Buli omu alemenga okumma munne wabula nga mulagaanye ekiseera mulyoke mufune ebbanga ery'okusabiramu n'oluvannyuma muddiŋŋanenga, Setaani aleme okubasuula olw'obuteefuga bwammwe.
6 Naye kino nkyogera mu ngeri ya kukkiriziganya so si mu ngeri ya kuwa kiragiro.
7 Nandyagadde buli omu abeere nga nze; naye buli muntu alina ekirabo ekikye ku bubwe ekiva eri Katonda, omu mu ngeri emu n'omulala mu ngeri endala.
8 Naye njogera eri abo abatannawasa ne bannamwandu; kirungi okusigala nga bwe bali, era nga nze bwe ndi.
9 Naye bwe baba tebasobola kwefuga bafumbirwe, oba bawase, kubanga okufumbiriganwa kisinga okwakiriranga okw'okwegomba.
10 Naye abafumbo mbawa etteeka eriva eri Mukama waffe: omukazi tanobanga ku bba.
11 Singa baawukana, omukazi ateekwa kubeerera awo, oba si ekyo addeyo ewa bba basonyiwagane; n'omusajja tagobanga mukazi we.
12 Abalala njogera gye bali kubanga si tteeka eriva eri Mukama waffe, naye mbagamba nti owooluganda bw'abeera n'omukazi atali mukkiriza ng'ayagala okubeera naye, tamugobanga.
13 Era omukazi omukkiriza alina bba atali mukkiriza naye ng'amwagala, tamuvangako.
14 Kubanga omusajja atali mukkiriza ayinza okufuulibwa omukkiriza ng'ayambibwa mukyala we omukkiriza, oba omukyala atali mukkiriza ayinza okufuulibwa omukkiriza ng'ayambibwa bba omukkiriza. Kubanga bwe kitaba ekyo abaana bammwe banditwaliddwa ng'abatali balongoofu naye ku lw'ekyo abaana bammwe baba balongoofu.
15 Kyokka oyo atali mukkiriza bw'ayagala okwawukana, baawukane; mu nsonga eyo omusajja omukkiriza oba omukyala taasibwenga mu ekyo, kubanga Katonda ayagala abaana be okubeera n'eddembe.
16 Ggwe omukazi omukkiriza omanyi otya ng'olirokola balo? Oba ggwe omusajja omukkiriza omanyi otya ng'olirokola mukazi wo?
17 Buli omu abeere mu bulamu Mukama bwe yamuwa, era Katonda mwe yamuyitira mw'abatambuliranga. Ekyo ky'ekiragiro kye mpa ekkanisa zonna.

18 Eyayitibwa ng'amaze okukomolebwa aleme kugamba nti ssinga teyakomolebwa, n'oyo eyakkiriza nga si mukomole aleme kufaayo ku kukomolebwa.
19 Kubanga okukomolebwa si kintu era obutakomolebwa si kintu, wabula ekikulu kwe kukwata amateeka ga Katonda.
20 Buli omu abeerenga mu kuyitibwa Katonda kwe yamuyitiramu.
21 Oba nga wayitibwa ng'oli muddu ekyo kireme okuba ekikulu; naye bw'oba ng'ofunye omukisa okufuuka ow'eddembe, gukozese.
22 Kubanga eyayitibwa Mukama nga muddu, Mukama yamufuula wa ddembe, n'oyo eyali ow'eddembe yafuuka muddu wa Kristo.
23 Mwagulibwa na muwendo noolwekyo temufuukanga baddu ba bantu.
24 Kale abooluganda, buli kifo kyonna omuntu yenna ky'alimu, mwe yayitirwa abeere mu ekyo.

### *Abatali Bafumbo ne Bannamwandu*

25 Naye ku ky'abatafumbirwanga wadde okuwasa, sirina kiragiro kiva eri Mukama wabula Mukama mu kusaasira kwe yampa amagezi agayinza okwesigibwa kwe nnaasinziira okubawa ekirowoozo kyange.
26 Kino nkirowooza nga kirungi, olw'embeera eya kaakano, nga kirungi omuntu okusigala nga bw'ali.
27 Obanga oli mufumbo tosaanye kwawukana na munno. Naye obanga wayawukana n'omukazi, tonoonya wa kuwasa.
28 Kyokka omusajja bw'awasa aba tayonoonye, era n'embeerera bw'afumbirwa naye aba tayonoonye. Wabula abafumbo, obufumbo bujja kubaleetera emitawaana gye nandiyagadde mwewale.
29 Naye kino kye mbategeeza abooluganda nti ekiseera kiyimpawadde. Noolwekyo abo abalina abakazi babe ng'abatabalina.
30 N'abo abakaaba babe ng'abatakaaba, n'abo abasanyuka babe ng'abatasanyuka. N'abo abagula ebintu babe ng'abatalina kintu kye bayita kyabwe.
31 Era n'abo abakozesa eby'oku nsi kuno bireme okubamalamu ennyo, kubanga ensi eya kaakano eggwaawo.
32 Naye kye mbagaliza mmwe bwe buteraliikirira. Omusajja atali mufumbo yeemalira ku bya Mukama, engeri gy'asanyusa Mukama.
33 Naye omufumbo yeeraliikirira bya nsi, nga bw'anaasanyusa mukazi we;
34 aba yeesazeemu, ng'atta aga n'aga. N'omukazi atali mufumbo n'embeerera bafaayo ku bintu bya Mukama, babeerenga batukuvu mu mubiri ne mu mwoyo. Naye omukazi omufumbo yeeraliikirira bya mu nsi, engeri gy'anaasanyusaamu bba.
35 Bino mbyogera olw'okubagasa, so si kubaziyiza kuwasa na kufumbirwa. Kubanga njagala musobole okuweereza Mukama nga tewali birala bibaziyiza okweweerayo ddala.
36 Omusajja bw'alowooza nti aba teyeeyisizza bulungi eri omuwala oyo gw'ayogereza bw'atamuwasa, bwe bafumbiriganwa, aba tayonoonye.
37 Naye oyo asobola okwefuga ng'alina omutima omunywevu, n'asalawo awatali kuwalirizibwa nti omuwala tajja kumuwasa, aba asazeewo bulungi.
38 Kale oyo awasa omuwala gw'ayogereza aba akoze bulungi, naye oyo atamuwasa y'aba asinze okukola obulungi.

39 Omukazi omufumbo abeera kitundu kya bba, bba bw'aba akyali
mulamu. Naye bba bw'afa olwo ayinza okufumbirwa omusajja omulala
gw'ayagala, kyokka omusajja oyo ateekwa kuba mu Mukama waffe yekka.
40 Naye nze ndowooza nti alina omukisa oyo singa taddayo kufumbirwa.
Era ndowooza nga nange nnina Omwoyo wa Katonda.

# 8

### *Ebiweereddwayo eri Bakatonda Abalala*

1 Kale ku nsonga ey'okuwaayo ssaddaaka eri bakatonda abalala:
tumanyi nti byonna tubitegeera. Naye okwerowooza nti tumanyi kuleeta
okwekuluntaza naye okwagala kuzimba.
2 Omuntu alowooza nti amanyi, aba alaga nga bw'atannamanya era nga
bwe kimugwanira okumanya.
3 Naye oyo ayagala Katonda amanyibwa Katonda.
4 Kale ku nsonga eno ey'okulya ebiweereddwayo eri bakatonda abalala,
tumanyi bakatonda abalala bwe bataliimu nsa. Era tumanyi nga waliwo
Katonda omu yekka, tewali mulala.
5 Waliwo abayitibwa bakatonda abali mu ggulu ne ku nsi newaakubadde
nga waliwo bakatonda bangi n'abaami bangi.
6 Kyokka ffe tumanyi nga waliwo Katonda omu yekka, ye Kitaffe, era
ye yatonda ebintu byonna, era naffe tuli mu ye, era nga waliwo Mukama
omu ye Yesu Kristo, ebintu byonna mwe byayita okutondebwa, era mu ye
mwe tuyita okufuna obulamu.
7 Kyokka kino abamu tebakimanyi. Obulamu bwabwe bwonna bwa-
manyiira okulowooza nti bakatonda abalala balamu ddala, era nga
n'ebiweebwayo ebyo biweebwayo eri bakatonda ddala. Kaakano bwe
balya emmere eyo eyonoona emyoyo gyabwe, kuba minafu, beeyonoona
bokka.
8 Naye emmere si yeetuleetera okusiimibwa Katonda. Bwe tutagirya
tewaba kye tusubwa, era ne bwe tugirya terina kye twongerako.
9 Kyokka mwegendereze bwe muba mukozesa eddembe lyabwe eryo, si
kulwa nga mwesittaza abo abanafu mu kukkiriza.
10 Kubanga ggwe amanyi, singa omunafu mu kukkiriza akulaba ng'olya
mu ssabo lya bakatonda abalala, ekyo tekirimugumya okulya ebiweered-
dwayo eri bakatonda abalala.
11 Kale owooluganda oyo omunafu, Kristo gwe yafiirira, azikirizibwe
olw'okumanya kwo!
12 Noolwekyo bwe mukola ekibi ku booluganda muba muleeta ekiwundu
ku mwoyo gwabwe kubanga banafu, era muba mukola kibi eri Kristo.
13 Kale obanga kye ndya kyesittaza muganda wange, siryenga nnyama
emirembe gyonna, nnemenga okwesittaza muganda wange.

# 9

### *Ebigwanira Omutume ne by'Ateekwa Okukola*

1 Ssiri wa ddembe? Ssiri mutume? Ssaalaba Yesu Mukama waffe? Si
mmwe bibala by'omulimu gwange mu Mukama waffe?
2 Obanga ssiri mutume eri abalala, naye ndi mutume eri mmwe,
kubanga mmwe kabonero k'obutume bwange mu Mukama waffe.
3 Ekyo ky'eky'okuwoza kyange eri abo abambulirizaako.
4 Sirina buyinza kulya na kunywa?

5 Singa nnewasiza omukazi, siyinza kutambula naye mu ŋŋendo zange ng'abatume abalala ne Keefa*, ne baganda ba Mukama waffe bwe bakola?
6 Oba Balunabba nange, ffe ffekka ffe tusaana okwekolera?
7 Muserikale ki ali mu magye nga yeesasula empeera? Muntu ki eyalima ennimiro y'emizabbibu naye n'aziyizibwa okulya ku bibala byayo? Oba ani alunda ekisibo n'atanywa ku mata gaamu?
8 Ebyo mbyogera ku bwange ng'omuntu, etteeka nalyo si bwe ligamba?
9 Kubanga kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa nti, "Tosibanga mumwa gwa nte ewuula eŋŋaano," Mulowooza Katonda afa ku bya nte zokka,
10 oba kino akyogera ku lwaffe? Kubanga kino kyawandiikibwa ku lwaffe, oyo alima mu kusuubira alime, n'oyo awuula asuubire okufuna ku bibala.
11 Obanga ffe twabasigamu eby'omwoyo, tekiriba kya kitalo bwe tulikungula ebyammwe eby'omubiri?
12 Kale obanga abalala balina obuyinza ku mmwe, ffe tetusaanidde nnyo n'okusingawo? Kyokka ffe tetwabakaka kubituwa.
Naye tugumiikiriza byonna, tuleme okuziyiza Enjiri ya Kristo.
13 Temumanyi ng'abo abakola mu Yeekaalu baliisibwa bya Yeekaalu, era nga n'abo abaweereza ku kyoto bagabana bya ku kyoto?
14 Mu ngeri y'emu Mukama waffe yalonda abo ababuulira Enjiri baliisibwenga olw'Enjiri.
15 Kyokka nze siriiko na kimu ku ebyo kye nkozesezzaako. Era ssawandiika bino ndyoke binkolerwe kubanga waakiri nze okufa okusinga okwenyumiriza kwange bwe kutaabeemu nsa.
16 Kubanga bwe mbuulira Enjiri sisobola kwenyumiriza, kubanga mpalirizibwa okugibuulira. Era ziba zinsanze bwe sigibuulira.
17 Kubanga bwe mbuulira Enjiri olw'okweyagalira, mbeera n'empeera, naye ne bwe mba nga ssaagala, nkikola lwa kubanga nakwasibwa omulimu ogwo.
18 Kale empeera yange y'eruwa? Empeera yange kwe kubuulira Enjiri nga sisasulwa era nga sibasaba nsasulwe olw'omulimu ogwo nga bwe nsaanidde.
19 Kubanga newaakubadde nga ndi wa ddembe eri abantu bonna, nfuuka omuddu wa bonna olw'okweyagalira, ndyoke ndeete bangi eri Kristo.
20 Eri Abayudaaya nafuuka ng'Omuyudaaya ndyoke nsobole okubaleeta eri Kristo. N'eri abo abafugibwa amateeka nafuuka ng'afugibwa amateeka, newaakubadde nze nga ssifugibwa mateeka, ndyoke mbaleete eri Kristo.
21 Eri abo abatalina mateeka ga Katonda, nafuuka ng'atafugibwa mateeka, newaakubadde nga ssaaleka mateeka ga Katanda, naye nga ndi mu mateeka ga Kristo, n'abo abatalina mateeka ndyoke mbaleete eri Kristo.
22 Mu banafu nafuuka ng'omunafu ndyoke mbaleete eri Kristo. Eri abantu bonna nfuuse byonna, mu ngeri yonna ndyoke mbeeko beentusa ku kulokolebwa.
23 Byonna mbikola olw'enjiri, era nange ndyoke nfunire wamu nabo ebiva mu Njiri eyo.

* 9:5 Keefa ye Peetero

24 Temumanyi nga mu mpaka ez'okudduka abo bonna abazeetabamu
badduka, naye awangula ekirabo abeera omu? Kale nammwe mud-
dukenga bwe mutyo nga mufubirira okuwangula ekirabo.
25 Buli muzanyi eyeetaba mu mpaka ateekwa okufuna okutendekebwa
okw'amaanyi nga yeefuga mu bintu byonna. Ekyo bakikola balyoke
bawangule engule eyonooneka. Naye ffe tulifuna engule eteyonooneka.
26 Noolwekyo nziruka nga nnina kye ŋŋenderera. Sirwana ng'omukubi
w'ebikonde amala gawujja n'akuba ebbanga.
27 Naye mbonereza omubiri gwange ne ngufuula omuddu wange, si
kulwa nga mbuulira abalala Enjiri, ate nze nzennyini ne sisiimibwa.

# 10

*Okulabula ku Bakatonda Abalala*

1 Abooluganda, musaana mutegeere nga bajjajjaffe bonna baakulem-
berwa ekire, era bonna ne bayita mu nnyanja,
2 bwe batyo bonna ne bakulemberwa Musa ne babatizibwa mu kire ne
mu nnyanja.
3 Bonna baalyanga emmere y'emu ey'omwoyo,
4 era bonna baanywanga ekyokunywa kye kimu eky'omwoyo, kubanga
bonna baanywanga mu lwazi olw'omwoyo olwabagobereranga era olwazi
olwo yali Kristo.
5 Naye era abasinga obungi Katonda teyabasiima, bwe batyo ne
bazikirizibwa mu ddungu.
6 Ebintu bino ebyabatuukako bitulabula obuteegomba bibi nga bo bwe
baakola.
7 Temusinzanga bakatonda balala, ng'abamu ku bo bwe baali,
ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "Abantu baatuula okulya
n'okunywa ne basituka ne bakola effujjo."
8 Tetusaana kubeera benzi ng'abamu ku bo bwe baali, abantu emitwalo
ebiri mu enkumi ssatu ku bo ne bafa mu lunaku lumu.
9 Era tetusaana kukema Kristo ng'abamu ku bo bwe baakola, emisota ne
gibazikiriza.
10 Era temwemulugunyanga ng'abamu ku bo bwe baakola, ne battibwa
omuzikiriza.
11 Ebyo byonna byabatuukako ng'ekyokulabirako gye tuli, era byawandi-
ikibwa olw'okutulabula ffe abaliwo abatuukiddwako enkomerero.
12 Kale alowooza ng'ayimiridde, yeekuumenga aleme okugwa.
13 Tewali kukemebwa kubatuukako okutali kwa bantu; kyokka Ka-
tonda mwesigwa, kubanga taabalekenga kutuukibwako kukemebwa kwe
mutayinza kugumira, naye anaabasobozesanga okubigumira, n'abalaga
n'ekkubo ery'okubiwangula.
14 Noolwekyo, mikwano gyange, muddukenga okusinza bakatonda
abalala.
15 Muli bantu abategeera. Kale, mulabe obanga kye njogera kye kikyo.
16 Ekikompe eky'omukisa, kye tusabira omukisa, si kwe kussekimu
okw'omusaayi gwa Kristo? Omugaati gwe tumenya, si kwe kussekimu
okw'omubiri gwa Kristo?
17 Kubanga ffe bangi, ffenna tulya ku mugaati gumu, ekiraga nga bwe
tuli omubiri ogumu.
18 Mulabe Isirayiri ow'omubiri, abalya ssaddaaka tebassa kimu na
Kyoto?

19 Kale kiki kye ngezaako okutegeeza? Mulowooza ŋŋamba nti
ebyokulya ebiweebwayo eri bakatonda abalala birimu amakulu? Oba nti
bakatonda abalala balina omugaso?
20 Nedda. Kye ŋŋamba kye kino nti abo abawaayo ssaddaaka eri
bakatonda abalala bawa eri baddayimooni so si eri Katonda. Saagala
mwegatte wamu ne baddayimooni mussekimu nabo.
21 Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama ate ne munywa ne
ku kikompe kya baddayimooni. Era temuyinza kuliira ku mmeeza ya
Mukama ate ne ku ya baddayimooni.
22 Oba Mukama tetumukwasa buggya? Tumusinza amaanyi?
23 Byonna bikkirizibwa, naye si byonna ebirimu omugaso. Byonna
bikkirizibwa naye si byonna ebizimba.
24 Omuntu yenna alemenga okwefaako yekka, naye afengayo ne ku bya
munne.
25 Mwegulire ennyama eya buli ngeri gye batunda mu katale mulye,
awatali kusooka kwebuuza olw'omwoyo gwammwe.
26 Kubanga ensi ya Mukama n'okujjula kwayo.
27 Singa omu ku batali bakkiriza abayita ku kijjulo, ne mwagala
okugenda, kale mulyenga kyonna kye banaabagabulanga nga temuliiko
kye mubuuzizza olw'obulungi bw'omwoyo gwammwe.
28 Kyokka omuntu yenna bw'abategeezanga nti, "Kino kyaweered-
dwayo eri bakatonda abalala," temukiryanga olw'oyo abategeezezza
n'olw'obulungi bw'omwoyo gwammwe,
29 bwe njogera bwe ntyo, njogera ku mwoyo gwe so si ogw'oli omulala.
Kubanga lwaki eddembe lyange lisalirwa omusango omwoyo gw'omulala?
30 Bwe ndya nga neebazizza, lwaki nnenyezebwa olw'ekyo kye ndya nga
neebazizza?
31 Kubanga buli kye mukola, oba kulya oba kunywa, mukikole nga
mugenderera kugulumiza Katonda.
32 Temukolanga ekyo ekineesittaza Abayudaaya oba Abayonaani wadde
ab'ekkanisa ya Katonda.
33 Nange bwe ntyo ngezaako okusanyusa abantu bonna mu byonna
bye nkola, nga sinoonya byange, wabula nga nfa ku bulungi bw'abalala
balyoke balokolebwe.

# 11

1 Mundabireko nga nange bwe ndabira ku Kristo.

### *Okubikka ku Mutwe mu Kusinza*

2 Mbatenda nnyo Olw'okunzijjukiza mu bintu byonna era
n'olw'okunyweza ebyo bye nabayigiriza.
3 Kyokka njagala mutegeere nti Kristo ye mutwe gwa buli muntu,
n'omusajja gwe mutwe gwa mukazi we. Era Katonda ye mutwe gwa Kristo.
4 Noolwekyo omusajja yenna bw'asaba oba bw'ayogera eby'obunnabbi
nga taggyeko kibikka ku mutwe gwe, aba aswaza omutwe gwe.
5 N'omukazi bw'asaba oba n'ayogera eby'obunnabbi nga tabisse mutwe
gwe aba tawadde bba kitiibwa kubanga kyekimu n'oyo amwereddwako
enviiri.
6 Obanga omukazi tayagala kubikka ku mutwe gwe, kale enviiri ze
azisalengako. Naye obanga omukazi kimuswaza enviiri ze okuzisalako
oba okuzimwako, kale ateekwa omutwe gwe okugubikkangako.

7 Omusajja tasaana kubikka ku mutwe gwe, kubanga ye kye kifaananyi
n'ekitiibwa kya Katonda; naye omukazi ye ky'ekitiibwa ky'omusajja.
8 Kubanga omusajja teyatondebwa ng'aggibwa mu mukazi, wabula
omukazi ow'olubereberye ye yaggyibwa mu musajja.
9 Era omusajja teyatondebwa lwa mukazi, wabula omukazi ye yaton-
debwa olw'omusajja.
10 Kale olw'ensonga eyo, omukazi kimusaanira okubikkanga ku mutwe
gwe, okulaga nti afugibwa era ne bamalayika bakirabe.
11 Kyokka mu Mukama waffe, omukazi n'omusajja, buli omu yeetaaga
munne.
12 Kuba, newaakubadde ng'omukazi ava mu musajja, naye buli musajja
azaalibwa mukazi; kyokka byonna biva eri Katonda.
13 Kale nammwe bennyini mwebuuze obanga kisaana omukazi okusaba
Katonda nga tabisse ku mutwe.
14 Obuzaaliranwa tebubalaga ng'omusajja bw'aba n'enviiri empanvu
tekimuweesa kitiibwa,
15 ate ng'omukazi ye zimuweesa kitiibwa? Kubanga yaweebwa enviiri
empanvu okumubikkako.
16 Naye obanga waliwo ayagala okuwakanya bino, tetulinaayo nkola nga
eyo, wadde mu Kkanisa za Katonda.

### *Ekyekiro kya Mukama Waffe*

17 Mu bino bye ŋŋenda okubalagira temuli kya kubatenda, kubanga
enkuŋŋaana zammwe zivaamu bibi okusinga ebirungi.
18 Ekisooka bwe mukuŋŋaana ng'ekibiina, mwesalaasalamu ebitundu,
era nzikiriza ng'ebimu ku ebyo bituufu.
19 Naye okwesalaasalamu okwo kusaana kubeewo abatuufu balyoke
bategeerekeke.
20 Bwe mukuŋŋaana ekyo kye mulya si kye kyekiro kya Mukama waffe.
21 Kubanga bwe muba mulya buli omu alya ku lulwe, talinda banne.
Abamu basigala bakyali bayala, ng'abalala bo batamidde.
22 Temulina wammwe gye muyinza okuliira n'okunywera? Oba
munyooma ekkanisa ya Katonda, ne muswaza abaavu? Mbagambe ki?
Mbatende olw'ekyo? Nedda na katono, sijja kubatenda.
23 Kubanga Mukama yennyini kye yampa ky'ekyo kye nabayigiriza nti,
Mukama waffe Yesu, mu kiro kiri kye baamuliiramu olukwe, yaddira
omugaati,
24 ne yeebaza Katonda, n'agumenyaamenyamu, n'agamba nti, "Guno
mubiri gwange, oguweebwayo ku lwammwe, mugutoole mulye,
mukolenga bwe mutyo okunzijukiranga."
25 Era mu ngeri y'emu bwe baamala okulya, yaddira ekikompe n'agamba
nti, "Ekikompe kino y'endagaano empya ekoleddwa Katonda nammwe,
ekakasiddwa n'omusaayi gwange, mutoole munywe, mukolenga bwe
mutyo buli lwe munaakinywangako okunzijukiranga."
26 Kubanga buli lwe munaalyanga omugaati guno ne buli lwe munaany-
wanga ku kikompe, munaategeezanga abantu okufa kwa Mukama waffe
okutuusa Lw'alijja.
27 Noolwekyo buli alya omugaati guno oba anywa ku kikompe kya
Mukama waffe nga tasaanidde, azza omusango ku mubiri gwa Mukama
waffe, ne ku musaayi gwe.
28 Noolwekyo omuntu amalenga kwekebera, alyoke alye ku mugaati
n'okunywa ku kikompe.

29 Kubanga buli alya era anywa nga tafaayo kutegeera makulu ga mubiri gwa Mukama waffe, aba yeesalidde yekka omusango okumusinga.
30 Mu mmwe kyemuvudde mubaamu abanafu n'abalwadde, era bangi bafudde.
31 Naye singa tusooka okwekebera, tetwandisaliddwa musango kutusinga.
32 Kyokka Mukama bw'atusalira omusango aba atukangavvula tuleme kusalirwa musango awamu n'ensi.
33 Kale baganda bange, bwe mukuŋŋaananga awamu okulya, buli omu alinde munne.
34 Era singa wabaawo alumwa enjala amale okulya eka, bwe mukuŋŋaana muleme kwereetako musango. N'ebirala ndibirongoosa, we ndijjira wonna.

# 12

*Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu*

1 Abooluganda, ssaagala mmwe obutategeera ebikwata ku birabo ebya Mwoyo.
2 Mumanyi nti bwe mwali Abaamawanga mwabuzibwabuzibwanga ne mutwalibwa eri ebifaananyi ebitayogera.
3 Noolwekyo njagala mutegeere nti tewali muntu aba ne Mwoyo wa Katonda n'ayogera nti, "Yesu akolimirwe." Era tewali n'omu asobola okwogera nti, "Yesu ye Mukama waffe," wabula ku bwa Mwoyo Mutukuvu.
4 Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu.
5 Waliwo engeri nnyingi ez'okuweererezaamu, naye Mukama aweerezebwa y'omu.
6 Waliwo okukola kwa ngeri nnyingi kyokka Katonda asobozesa bonna mu byonna bye bakola y'omu.
7 Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna.
8 Omu Omwoyo amuwa okwogera ekigambo eky'amagezi, omulala Omwoyo oyo omu n'amuwa okuyiga n'ategeera.
9 Omulala Omwoyo y'omu n'amuwa okukkiriza, n'omulala n'amuwa obuyinza okuwonyanga abalwadde.
10 Omu, Omwoyo amuwa okukolanga ebyamagero, n'omulala n'amuwa okwogera eby'obunnabbi, ate omulala n'amuwa okwawulanga emyoyo emirungi n'emibi. Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu, n'omulala n'amuwa okuzivvuunula.
11 Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala.

*Omubiri Guli Gumu naye Ebitundu byagwo Bingi*

12 Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo.
13 Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu.
14 Kubanga omubiri tegulina kitundu kimu, naye gulina ebitundu bingi.
15 Singa ekigere kigamba nti, "Nze siri mukono, noolwekyo siri kitundu kya mubiri," ekyo tekikifuula butaba kitundu kya mubiri.

16 Era singa okutu kugamba nti, “Siri liiso, noolwekyo siri kitundu kya
mubiri,” ekyo kikiggyako okubeera ekitundu ky’omubiri?
17 Kale singa omubiri gwonna gwali liiso, olwo okuwulira kwandibadde
wa? Era singa omubiri gwonna gwali kutu, olwo okuwunyiriza
kwandibadde wa?
18 Naye kaakano Katonda yakola ebitundu bingi eby’enjawulo n’alyoka
abifuula omubiri gwaffe nga bwe yayagala.
19 Singa byonna byali ekitundu kimu olwo omubiri gwandibadde wa?
20 Naye kaakano ebitundu bingi naye ng’omubiri guli gumu.
21 Eriiso terisobola kugamba mukono nti, “Ggwe sikwetaaga,” oba
n’omutwe teguyinza kugamba bigere nti, “Mmwe sibeetaaga.”
22 Era ebitundu ebyo eby’omubiri ebirabika ng’ebisinga obunafu bye
byetaagibwa ennyo.
23 Era n’ebitundu ebyo eby’omubiri bye tulowooza obutaba bya kitiibwa
bye bisinga okwambazibwa, n’ebitundu ebitukwasa ensonyi bye tusinga
okulabirira,
24 so ng’ebitundu byaffe ebisinga okwolekebwa mu bantu tebikyetaaga.
Bw’atyo Katonda bwe yakola omubiri, ebitundu ebyandibadde biragaj-
jalirwa n’abyongera ekitiibwa,
25 olwo omubiri ne guteeyawulamu naye ebitundu byonna, ne biyamba-
gana byokka ne byokka.
26 Ekitundu ekimu bwe kirumwa, ebitundu ebirala byonna birumirwa.
Era ekitundu ekimu bwe kigulumizibwa, ebitundu byonna bijaguliza
wamu nakyo.
27 Kale mwenna awamu muli mubiri gwa Kristo, era buli omu ku mmwe
kitundu kyagwo.
28 Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume,
abookubiri be bannabbi, n’abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola
eby’amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby’okuwonya endwadde,
n’okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n’aboogezi b’ennimi.
29 Bonna batume? Bonna bannabbi? Bonna bayigiriza? Bonna bakola
ebyamagero?
30 Bonna balina ekirabo ky’okuwonya endwadde? Bonna boogera mu
nnimi? Bonna bavvuunula ennimi?
31 Kale mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu, naye ka mbalage
ekkubo eddungi erisinga gonna.

# 13

### *Okwagala*

1 Singa njogera ennimi z’abantu n’eza bamalayika, naye nga sirina
kwagala, mba ng’ekidde, ekireekaana oba ng’ekitaasa ekisaala.
2 Ne bwe mba n’ekirabo eky’okwogera eby’obunnabbi, ne ntegeera
ebyama byonna, era ne mmanya ebintu byonna, era ne bwe mba
n’okukkiriza okungi ne kunsobozesa n’okusiguukulula ensozi, naye nga
sirina kwagala, mba siri kintu.
3 Ne bwe mpaayo ebyange byonna okuyamba abaavu, era ne bwe
mpaayo omubiri gwange ne nneewaana, naye ne siba na kwagala, sibaako
kye ngasibbwa.
4 Okwagala kugumiikiriza era kwa kisa. Okwagala tekulina buggya era
tekwenyumiikiriza wadde okwekuluntaza.

5 Okwagala tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu,
era tekusiba kibi ku mwoyo.
6 Okwagala tekusanyukira bitali bya butuukirivu, wabula kusanyukira
mazima.
7 Okwagala kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna era
kugumiikiriza byonna.
8 Okwagala tekulemererwa; obunnabbi buliggyibwawo, n'ennimi
zirikoma, n'eby'amagezi birikoma.
9 Kubanga tumanyiiko kitundu, ne bunnabbi nabwo bwa kitundu.
10 Naye ebituukiridde bwe birijja, olwo eby'ekitundu nga biggwaawo.
11 Bwe nnali omuto, nayogeranga ng'omuto, nalowoozanga ng'omuto,
ne byonna nga mbiraba mu ngeri ya kito. Naye bwe nakula ne ndeka
eby'ekito.
12 Kaakano tulaba kifaananyi bufaananyi, ng'abali mu ndabirwamu
eteraba bulungi; naye tulirabira ddala bulungi amaaso n'amaaso.
Kaakano mmanyiiko kitundu butundu, naye luli ndimanyira ddala byonna, mu bujjuvu.
13 Kaakano waliwo ebintu bisatu eby'olubeerera: okukkiriza,
n'okusuubira, era n'okwagala. Naye ekisingako ku ebyo obukulu kwe
kwagala.

# 14

*Ebirabo eby'Omwoyo*

1 Mugobererenga okwagala era muluubirirenga ebirabo eby'Omwoyo,
na ddala ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi.
2 Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na
Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya
kyama mu Mwoyo.
3 Naye oyo ategeeza abantu eby'obunnabbi ayogera ebibazimba,
ebibagumya era n'okubazzaamu amaanyi.
4 Ayogera ennimi yeezimba yekka, naye oyo ayogera eby'obunnabbi
azimba ekibiina kyonna eky'abakkiriza.
5 Nandyagadde mwenna mwogere mu nnimi, naye ekisingira ddala
nandyagadde mwenna mwogere eby'obunnabbi, kubanga ayogera
eby'obunnabbi akira oyo ayogera mu nnimi, okuggyako nga waliwo
avvuunula, Ekkanisa eryoke egasibwe.
6 Kale kaakano, abooluganda, bwe nzija gye muli ne njogera mu nnimi
mbagasa ntya? Naye bwe mbategeeza ebyo Katonda by'ambikulidde
oba bye njize mu kutegeera, oba eby'obunnabbi, oba bye njigiriza, olwo
mmanyi nga mbagasa.
7 Era n'ebivuga ebitalina bulamu, ng'endere oba ennanga, bwe bitavuga
mu maloboozi gategeerekeka, omuntu ayinza atya okutegeera oluyimba
olufuuyibwa oba olukubibwa?
8 Era singa omufuuyi w'eŋŋombe tafuuwa ddoboozi Iitegeerekeka, ani
ayinza okweteekerateekera olutalo?
9 Mu ngeri y'emu, bwe mwogera n'omuntu mu lulimi lw'atamanyi,
asobola atya okutegeera kye mugamba? Muba mwogeredde bwereere.
10 Weewaawo waliwo ennimi nnyingi mu nsi, era zonna zirina amakulu.
11 Naye omuntu bw'ayogera olulimi lwe simanyi, aba ng'omugwira gye
ndi, nange mba ng'omugwira gy'ali.

12 Bwe mutyo nga bwe mwegomba okufuna ebirabo eby'Omwoyo,
mufubenga nnyo mulyoke musobole okuzimba Ekkanisa ya Kristo.
13 Kale buli ayogera mu lulimi asabe Katonda amusobozese okuluvvu-
unula.
14 Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo
gwange gusaba, naye sibaako kye nganyulwa.
15 Kale kino ki? Nnaasinzanga Katonda n'omwoyo gwange awamu
n'amagezi gange era nnaayimbanga mu mwoyo gwange awamu
n'amagezi gange.
16 Kubanga bw'otendereza Katonda mu mwoyo gwo, omuntu atategeera
ky'ogamba ayinza atya okuddamu nti, "Amiina!" ng'omaliriza okwebaza,
ng'ebigambo ebyebazizza tabitegedde?
17 Weewaawo oyinza okuba nga weebazizza Katonda, naye omulala nga
tagasibbwa.
18 Neebaza Katonda kubanga njogera ennimi okubasinga mwenna.
19 Naye mu lukuŋŋaana njagala njogere n'amagezi gange ebigambo
bitaano abalala bye bategeera nga mbayigiriza, okusinga okwogera
ebigambo omutwalo mu nnimi, bye bataategeere.
20 Abooluganda, temulowooza bya kito. Mube ng'abaana abato ku
bikwata ku kukola ebibi, mube bakulu mu kulowooza kwammwe.
21 Era kyawandiikibwa mu mateeka nti,
"Ndyogera n'abantu bano
mu nnimi endala,
n'emimwa egy'abalala,
naye era tebalimpulira,
bw'ayogera Mukama."
22 Noolwekyo ennimi kyeziva ziba akabonero, si eri abo abakkiriza naye
eri abo abatali bakkiriza, naye okutegeeza obunnabbi kw'abo abakkiriza
so si abo abatali bakkiriza.
23 Kale singa Ekkanisa ekuŋŋaana bonna ne boogera mu nnimi abata-
manyi oba abatali bakkiriza ne bayingira, tebagamba nti mulaluse?
24 Naye singa bonna boogera eby'obunnabbi, atali mukkiriza oba
atamanyi n'ayingira, ebyo ebyogerebwa byonna, bijja kumuleetera oku-
lumirizibwa olw'ebibi bye, yeesalire omusango,
25 ebyama by'omu mutima gwe bibikkulwe, alyoke afukamire asinze
Katonda, nga bw'agamba nti, "Ddala Katonda ali mu mmwe."

### *Byonna Bikolebwe mu Bulambulukufu*

26 Kale abooluganda tugambe tutya? Bwe mukuŋŋaana buli omu aba
ne zabbuli, oba eky'okuyigiriza, oba ekyo Katonda ky'amubikkulidde, oba
okwogera mu nnimi, oba okuvvuunula. Ebyo byonna bisaana bikolebwe
olw'okuzimba Ekkanisa ya Katonda.
27 Singa wabaawo aboogera mu nnimi bandyogedde babiri, oba obuta-
sussa basatu, era nga boogera mu mpalo, ate wabeewo n'avvuunula.
28 Naye bwe watabaawo avvuunula omwogezi w'ennimi asirike busirisi
mu Kkanisa wabula ayogerere munda ye ne Katonda.
29 Kyokka abo aboogera eby'obunnabbi boogerenga babiri oba basatu,
ng'abalala bafumiitiriza ku ebyo ebyogerwa.
30 Naye singa omu ku batudde abikkulirwa ekigambo kya Katonda, oyo
abadde ayogera asirikenga.
31 Kubanga mwenna musobola okwogera eby'obunnabbi nga mwogera
mu mpalo, bonna balyoke bayige era bongerwemu amaanyi.

32 Abalina omwoyo ogw'obunnabbi bafugibwa bannabbi,
33 kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe.
Kale nga bwe kiri mu Kkanisa z'abatukuvu zonna,
34 abakazi basirikenga busirisi mu kuŋŋaaniro, kubanga tebakkirizibwa
kwogera, wabula okukulemberwa ng'amateeka bwe gagamba.
35 Bwe wabangawo kye baagala okubuuza babuuzenga ba bbaabwe eka,
kubanga kya nsonyi omukazi okwogera mu Kkanisa.
36 Kale mulowooza nti ekigambo kya Katonda kyatandikira mu mmwe
oba nti mmwe be kyatuukako mwekka?
37 Omuntu yenna alowooza okuba nnabbi oba omuntu ow'omwoyo,
ategeere mu bujjuvu nti bino bye mbawandiikira kye kiragiro kya
Mukama.
38 Naye omuntu yenna atabifaako naye si wa kufiibwako.
39 Kale baganda bange muyaayaanirenga okwogera eby'obunnabbi,
kyokka okwogera mu nnimi temukuziyiza.
40 Naye byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu ntegeka entuufu.

# 15

### *Kristo Yazuukira*

1 Abooluganda, mbajjukiza Enjiri gye nababuulira era gye mwakkiriza
era gye munywereddemu.
2 Mulokolebwa lwa Njiri eyo gye nababuulira, bwe muginywererako,
naye bwe kitaba bwe kityo muba mwakkiririza bwereere.
3 Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye nnaweebwa
ekigamba nti Kristo yafa olw'ebibi byaffe, ng'Ebyawandiikibwa bwe
bigamba,
4 era nti yaziikibwa, n'azuukizibwa ku lunaku olwokusatu
ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba,
5 era nti yalabibwa Keefa n'oluvannyuma ekkumi n'ababiri.
6 Era yalabibwa abooluganda abasukka ebikumi ebitaano omulundi
gumu era abamu ku abo bakyali balamu newaakubadde ng'abalala baafa.
7 Olwo n'alyoka alabikira Yakobo, n'oluvannyuma n'alabikira
n'abatume bonna.
8 Oluvannyuma lwa bonna n'alyoka alabikira nange, ng'omwana
azaalibbwa nga musowole.
9 Kubanga nze nsembayo mu batume, Era sisaanira na kuyitibwa
mutume, kubanga nayigganya Ekkanisa ya Katonda.
10 Naye olw'ekisa kya Katonda ndi nga bwe ndi kaakano, era ekisa
Katonda kye yankwatirwa tekyafa bwereere. Kubanga nakola nnyo
okusinga abalala bonna, naye si nze nakola wabula ekisa kya Katonda
ekiri nange kye kyakola.
11 Oba nze oba bo, be baakola ennyo ekyo si kikulu, ekikulu kye kino nti
twababuulira Enjiri era nammwe ne mugikkiriza.

### *Okuzuukira kw'Abafu*

12 Kale obanga abantu bategeezebwa nti Kristo yazuukizibwa mu bafu
lwaki abamu mu mmwe bagamba nti tewali kuzuukira kwa bafu?
13 Kale obanga tewali kuzuukira kwa bafu ne Kristo teyazuukizibwa.
14 Era obanga Kristo teyazuukizibwa, bye tubategeeza tebiriimu, era
n'okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa.

15 Ate era tuba ng'aboogera eby'obulimba ku Katonda, kubanga
twakakasa nti Katonda yazuukiza Kristo. Naye teyamuzuukiza bwe kiba
ng'abafu tebazuukizibwa.
16 Kale obanga abafu tebazuukizibwa, ne Kristo teyazuukizibwa.
17 Era obanga Kristo teyazuukizibwa okukkiriza kwammwe tekuliimu
nsa, era mukyali mu bibi byammwe.
18 Era n'abo abaafa nga bakkiriza Kristo baazikirira.
19 Kale obanga essuubi lyaffe mu Kristo likoma mu bulamu buno
bwokka, tuli bakusaasirwa nnyo okusinga abantu bonna.
20 Kyokka ddala Kristo yazuukizibwa mu bafu, era bye bibala ebibere-
berye eby'abo abaafa.
21 Kuba ng'okufa bwe kwaleetebwa omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu
kwaleetebwa muntu.
22 Kuba ng'abantu bonna bwe baafa olwa Adamu, era bwe batyo bonna
balifuulibwa abalamu olwa Kristo.
23 Kyokka buli omu mu luwalo lwe, Kristo ye yasooka era bw'alijja ababe
ne baddako,
24 olwo enkomerero n'eryoka etuuka, Kristo n'akwasa Katonda Kitaawe
obwakabaka; Kristo ng'amaze okuzikiriza obufuzi bwonna, n'obuyinza
bwonna era n'amaanyi gonna.
25 Kubanga Kristo agwanidde okufuga okutuusa bw'alissa abalabe be
bonna wansi w'ebigere bye.
26 Omulabe we alisembayo okuzikirizibwa kwe Kufa.
27 Kubanga yassa ebintu byonna wansi w'ebigere bye. Naye bw'agamba
nti ebintu byonna biri wansi we, kitegeeza nti aggyeko oli ey'amusobozesa
okufuga ebintu byonna.
28 Katonda bw'alimala okussa byonna mu buyinza bwa Kristo, olwo
Kristo yennyini, Omwana we, n'alyoka afugibwa Katonda eyamuwa
okufuga byonna. Era olwo Katonda n'alyoka afugira ddala byonna.
29 Kale obanga abafu tebazuukizibwa, abo ababatizibwa ku lw'abafu
balikola batya? Era kale lwaki babatizibwa ku lwabwe?
30 Era ffe lwaki tuli mu kabi buli kaseera?
31 Abooluganda, olw'okwenyumiriza kwe munninamu, era kwe nnina
mu Kristo Yesu Mukama waffe, nkakasa nti nfa buli lunaku.
32 Kale obanga nze omuntu obuntu nalwana n'ensolo enkambwe mu
Efeso, kingasa ki? Obanga abafu tebazuukizibwa,
"Kale tulye tunywe
kubanga enkya tuli ba kufa."
33 Temulimbibwalimbibwanga, kubanga "emikwano emibi gyonoona em-
pisa ennungi."
34 Mweddemu, mutambulirenga mu butuukirivu mulekeraawo okukola
ebibi, kubanga abamu mu mmwe tebamanyi Katonda. Kino nkyogera
kubakwasa nsonyi.

### *Okuzuukira kw'Omubiri*

35 Naye omuntu ayinza okubuuza nti, "Abafu bazuukizibwa batya?" Era
nti, mubiri gwa ngeri ki gwe bajja nagwo?
36 Musirusiru ggwe! Ensigo gy'osiga temeruka nga tennafa.
37 Era ensigo eyo gy'osiga eba mpeke buweke; so si ekirivaamu oba ya
ŋŋaano, oba ya ngeri ndala.

38 Naye Katonda agiwa omubiri nga bw'ayagala, era buli ngeri ya nsigo agiwa omubiri gwayo.

39 Kubanga emibiri gyonna tegiba gya ngeri emu. Waliwo omubiri ogw'abantu, waliwo ogw'ensolo, waliwo ogw'ennyonyi, era waliwo n'ogw'ebyennyanja.

40 Noolwekyo waliwo emibiri egy'omu ggulu, n'emibiri egy'omu nsi. Naye ekitiibwa ky'emibiri egy'omu ggulu kirala, era n'eky'egy'omu nsi kirala.

41 Waliwo ekitiibwa ky'enjuba, waliwo eky'omwezi, era waliwo ekitiibwa eky'emmunyeenye. Naye era n'emmunyeenye tezenkanankana mu kwaka kubanga buli munyeenye ya njawulo mu kwaka.

42 Era bwe kiri mu kuzuukira. Omubiri guziikibwa nga gwa kuvunda, ne guzuukizibwa nga si gwa kuvunda.

43 Guziikibwa nga si gwa kitiibwa, naye ne guzuukizibwa nga gujjudde ekitiibwa. Guziikibwa nga munafu, naye guzuukizibwa nga gwa maanyi.

44 Guziikibwa nga mubiri bubiri, naye guzuukizibwa nga mubiri gwa mwoyo.

Kale obanga waliwo omubiri obubiri, era waliwo omubiri ogw'omwoyo,

45 kyekyava kiwandiikibwa nti, "Adamu, omuntu eyasooka, yatondebwa ng'alina obulamu." Kyokka Adamu ow'oluvannyuma ye Mwoyo aleeta obulamu.

46 Naye eky'omwoyo si kye kyasooka, wabula eky'omubiri obubiri kye kyasooka, n'oluvannyuma eky'omwoyo ne kijja.

47 Omuntu eyasooka yava mu ttaka, yakolebwa mu nfuufu. Ye omuntu owookubiri yava mu ggulu.

48 Ng'eyakolebwa mu nfuufu bw'ali, n'abo abaakolebwa mu nfuufu bwe bali.

49 Era nga bwe tufaanana oyo eyakolebwa mu nfuufu, era bwe tutyo bwe tulifaanana oyo eyava mu ggulu.

50 Abooluganda, kye ŋŋamba kye kino nti omubiri guno ogw'oku nsi, ogw'ennyama n'omusaayi, teguyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda. Emibiri gyaffe egivunda tegisobola kuba gya lubeerera.

51 Naye leka mbabuulire ekyama: Si ffenna abalifa, naye eŋŋombe ey'enkomerero bw'erivuga ffenna tulifuusibwa

52 mu kaseera katono ng'okutemya kikowe. Kubanga eŋŋombe erivuga, n'abafu balizuukizibwa, nga tebakyaddayo kufa era ffenna tulifuusibwa.

53 Kubanga omubiri guno oguvunda gwa kufuuka ogutavunda, era omubiri guno ogufa gwa kufuuka ogutafa.

54 Omubiri guno oguvunda bwe gulifuuka ogutavunda, ogufa ne gufuuka ogutafa, olwo Ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira ekigamba nti, "Okufa kuwanguddwa."

55 "Ggwe kufa, obuwanguzi bwo buluwa?
Ggwe kufa, amaanyi go agalumya galuwa?"

56 Obuyinza obulumya buva mu kibi, n'amaanyi g'ekibi gava mu mateeka.

57 Kyokka Katonda yeebazibwe atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

58 Noolwekyo, baganda bange abaagalwa, mubenga banywevu era abatasagaasagana nga mweyongeranga bulijjo okukola omulimu gwa Mukama waffe, kubanga mumanyi nti okufuba kwammwe si kwa bwereere mu Mukama waffe.

# 16

### *Okuyamba Abantu ba Katonda*

1 Kale ebyo ebikwata ku kuyamba abantu ba Katonda, mmwe mukole
nga bwe nagamba ab'Ekkanisa z'e Ggalatiya.
2 Buli omu ku mmwe ng'asinziira ku kufuna kwe mu wiiki, abengako
ky'atereka, ebintu bireme kukuŋŋaanyizibwa nga nzize.
3 Kale bwe ndituuka ne mutuma abo be munaasiima ne mbawa
ebbaluwa ne batwala ebirabo byammwe e Yerusaalemi.
4 Naye bwe kirirabika nga nange nsaanye ŋŋende, kale balimperekerako.

### *Enteekateeka za Pawulo*

5 Ŋŋenda kujja gye muli nga mpitira e Makedoniya, gye ndimala
akabanga akatono.
6 Osanga ewammwe gye ndimala ebbanga eriwera, oboolyawo ndiba
nammwe mu biseera eby'obutiti byonna, mulyoke munnyambe buli gye
nnaalaganga.
7 Saagala kubalabako kaseera katono, nsuubira okumala nammwe
ekiseera, Mukama waffe bw'alisiima.
8 Kyokka ŋŋenda kubeera mu Efeso okutuusa ku Pentekoote.
9 Kubanga ddala oluggi lw'Enjiri lunziguliddwawo, newaakubadde
ng'eriyo bangi abampakanya.
10 Timoseewo bw'ajjanga, mumuyambe atereere bulungi mu mmwe,
kubanga naye akola omulimu gwa Mukama waffe nga nze.
11 Noolwekyo waleme kubaawo amunyooma. Mumuyambe olugendo
lwe lube lwa mirembe, ajje gye ndi. Kubanga nze n'abooluganda
tumulindiridde.
12 Naye ebyo ebikwata ku wooluganda Apolo, namwegayirira nnyo
ajje gye muli, ng'ali n'abooluganda abalala, kyokka ye n'atayagala kujja
kaakano, wabula alijja ng'afunye ebbanga.

### *Ebikomererayo*

13 Mutunulenga, munywerere mu kukkiriza, mubeere bazira era
ab'amaanyi.
14 Buli kye mukola mukikolerenga mu kwagala.
15 Abooluganda, mumanyi nti mu Akaya ab'omu nnyumba ya Suteefana be baasooka okukkiriza Mukama waffe, era beewaayo okuyamba
n'okuweereza abantu ba Katonda. Kale, abooluganda, mbasaba
16 muwulirenga abantu ng'abo, era na buli omu afube okukoleranga
awamu nabo.
17 Suteefana ne Folutunaato ne Akayiko* bwe bajja gye ndi nasanyuka,
kubanga baaliwo mu kifo kyammwe.
18 Era bansanyusa, era nga nammwe bwe baabasanyusa. Abantu ng'abo
musaana mubalage nga bwe musiimye okuweereza kwabwe.

19 Ekkanisa ey'omu Asiya ebalamusizza.
Akula ne Pulisikira awamu n'Ekkanisa ya Kristo eri mu maka gaabwe
babalamusizza nnyo mu Mukama waffe.
20 Era abooluganda bonna babalamusizza.
Mulamusagane mu n'okunywegera okutukuvu.

---

* **16:17** Suteefana ne Folutunaato ne Akayiko bandiba nga be baaleetera Pawulo ebbaluwa eyava mu Bakkolinso

21 Nze, Pawulo, mbaweereza okulamusa kwange kuno, kwe mpandiika
nze nzennyini n'omukono gwange.

22 Obanga waliwo atayagala Mukama, akolimirwe. Mukama waffe Yesu,
jjangu!

23 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.

24 Mwenna mbalamusizza n'okwagala mu Kristo Yesu. Amiina.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu Eyookubiri eri Abakkolinso

### *Okulamusa n'Okwebaza*

1 Pawulo omutume wa Kristo Yesu, olw'okusiima kwa Katonda, n'owooluganda Timoseewo, tuwandiikira ekkanisa ya Katonda eri mu Kkolinso awamu n'abatukuvu bonna abali mu Akaya yonna,
2 ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe.

3 Katonda oyo Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'okusaasira era Katonda azaamu bonna amaanyi yeebazibwe,
4 atuzaamu amaanyi mu kubonaabona kwonna kwe tuyitamu, tulyoke tugumye abalala abayita mu kubonaabona okwa buli ngeri, olw'okugumya kwe tufuna nga Katonda atuzaamu amaanyi.
5 Kubanga nga bwe tugabana ku kubonaabona kwa Kristo, ne Kristo bw'atyo bw'atuzzaamu amaanyi.
6 Bwe tubonaabona, tubonaabona mulyoke muzibwemu amaanyi era mulokolebwe; oba ne bwe tuba nga tuzzibwamu endasi nammwe muzibwamu endasi, mulyoke mugumire okubonaabona kwe kumu kwe tuyitamu.
7 Essuubi lyaffe gye muli linywevu, nga tumanyi nti nga bwe mugabanira awamu naffe mu kubonaabona, bwe mutyo bwe mugabanira awamu naffe mu kuzibwamu amaanyi.
8 Kubanga tetwagala mmwe abooluganda obutategeera, okubonaabona kwe twayitamu mu Asiya kwali kungi ekiyitiridde n'essuubi ery'okuba abalamu ne lituggwaamu.
9 Naye ffe ffennyini nga tusaliddwa gwa kufa, nga tetusaanidde kwetekamu bwesige bwaffe ffe, wabula mu Katonda azuukiza abafu,
10 eyatuwonya mu kufa okwo okw'entiisa, era anaatulokolanga, era gwe tulinamu essuubi ery'okutuwonyanga.
11 Tukolere wamu nga mutusabira, bangi balyoke batwebalizeeko olw'ekirabo kye twaweebwa.

### *Pawulo Akyusa mu Ntegeka ze*

12 Tulina okwenyumiriza ng'omwoyo gwaffe gutujulira kubanga twatambulira mu buwombeefu ne mu mazima ga Katonda, so si mu magezi ag'omubiri, naye mu kisa kya Katonda nga tuli mu nsi n'okusingira ddala gye muli.
13 Kubanga tetubawandiikira lwa bintu birala wabula ku ebyo bye musomako era ku ebyo bye mumanyiiko; era nsuubira nga mulibimanyira ddala okutuusa ku nkomerero,
14 era nga bwe mwamanyako ekitundu nti muli kya kwenyumiriza gye tuli nga naffe bwe tuli eky'okwenyumiriza gye muli ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu.
15 Olw'okwekakasa mu ekyo, nateekateeka okujja gye muli edda, mulyoke musanyuke omulundi ogwokubiri,
16 nga mpita gye muli okugenda e Makedoniya, ate n'amadda nga nkomawo, mulyoke munsibirire okulaga e Buyudaaya.

17 Mulowooza nga nateekateeka bwe ntyo olwokubanga nnekyusiza? Oba nti ntekateeka ebintu nga ngoberera omubiri, nga ŋŋamba nti weewaawo ye weewaawo, ate nti si weewaawo, si weewaawo?
18 Naye nga Katonda bw'ali omwesigwa ekigambo kyaffe gye muli tekiri weewaawo ate nti si weewaawo.
19 Omwana wa Katonda Yesu Kristo gwe twababuulira, nze ne Sirwano*
ne Timoseewo teyali nti weewaawo ne si weewaawo, wabula mu ye mwe muli weewaawo bulijjo.
20 Kubanga nga bwe biri ebisuubizo ebingi ebya Katonda, era mu ye kyetuva tugamba Amiina nga tuyita mu ye, Katonda atenderezebwe mu ffe.
21 Naye atunyweza ffe awamu nammwe mu Kristo, era eyatufukako amafuta, ye Katonda,
22 era ye oyo eyatussaako akabonero, n'atuwa amazima g'omwoyo mu mitima gyaffe.
23 Katonda oyo ye mujulirwa w'emmeeme yange, nga nabasabira ne sijja Kkolinso.
24 Temusaanye kulowooza nti ffe tufuga okukkiriza kwammwe, naye tuli bakozi bannammwe, mulyoke musanyuke, kubanga okukkiriza kwammwe kwe kubanywezezza.

# 2

1 Kino nakimalirira munda mu nze obutakomawo nate eyo nneme okubanakuwaza.
2 Kubanga bwe nnaabanakuwaza, ani anansanyusa wabula oyo gwe nnaanakuwaza?
3 Kyennava mbawandiikira ebyo byennyini bwe ndijja nneme ku-
nakuwazibwa abo abandinsanyusizza, nga nnesiga nti essanyu lyange lye lyammwe mwenna.
4 Nabawandiikira wakati mu kubonaabona okungi n'okunyolwa mu mutima, era nga nkaaba amaziga mangi, si lwa kubanakuwaza, naye mutegeere okwagala okungi ennyo kwe nnina gye muli.
5 Bwe wabaawo eyanakuwaza munne, teyanakuwaza nze, si kulwa nga mbazitoowerera mwenna.
6 Omuntu ng'oyo ekibonerezo ekyamuweebwa abangi kimumala;
7 kyekiva kisaana mmwe okumusonyiwa n'okumuzzaamu amaanyi si kulwa ng'ennaku emuyitirirako n'emuyinga obungi.
8 Noolwekyo mbakuutira okwongera okumukakasa nti mumwagala.
9 Kyennava mbawandiikira ndyoke ntegeere obanga muli bawulize mu nsonga zonna.
10 Bwe musonyiwa omuntu mu nsonga yonna, nange mmunsonyiwa, kubanga bwe mba nga nsonyiye, nsonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo.
11 Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze.

### *Pawulo mu Tulowa*

12 Bwe natuuka mu Tulowa olw'enjiri ya Kristo, Mukama n'anziguliraawo oluggi,
13 saawumula mu mutima gwange, bwe ssaalaba owooluganda Tito. Bwe namala okubasiibula ne ndaga e Makedoniya.

### *Obuwanguzi mu Kristo*

* **1:19** Sirwano Mu Luyonaani oluusi ayitibwa Siira

14 Katonda yeebazibwe atuwanguzisa bulijjo mu Kristo Yesu,
n'akawoowo ak'okumanya, ke tubunyisa wonna.
15 Tuli kawoowo eri Katonda olwa Kristo mu abo abalokolebwa ne mu
abo abatannalokolebwa.
16 Eri abatannalokolebwa, akawoowo kaffe ka kufa akatuusa mu kufa,
naye eri abalokolebwa, ke kawoowo akongera obulamu ku bulamu. Kale
ebyo ani abisobola?
17 Tetuli ng'abangi abakozesa ekigambo kya Katonda olw'okwenoonyeza
ebyabwe, naye ffe twogera nga tetuliimu bukuusa. Naye twogera okuva
eri Katonda era mu maaso ga Katonda, kubanga twogerera mu Kristo nga
tetwekomoma.

# 3

1 Tutandike okwetendereza? Oba twetaaga ebbaluwa ez'okutusemba
gye muli mmwe oba okuva gye muli ng'abalala?
2 Mmwe muli bbaluwa yaffe, ewandiikiddwa mu mitima gyaffe,
emanyiddwa era esomebwa abantu bonna,
3 ekiraga nti muli bbaluwa eva eri Kristo, enywezeddwa ffe, etaawandi-
ikibwa na bwino, wabula na Mwoyo wa Katonda omulamu, si ku bipande
eby'amayinja naye ku bipande by'emitima egy'omubiri.
4 Obwo bwe bwesige bwe tulina eri Katonda nga tuyita mu Kristo.
5 Si lwa kubanga obwesige obwo buva mu ffe ku lwaffe, naye obwesige
bwaffe buva eri Katonda,
6 oyo ye yatusaanyiza okuba abaweereza b'endagaano empya etali ya
nnukuta wabula ey'omwoyo. Kubanga ennukuta etta, naye omwoyo aleeta
obulamu.

### *Ekitiibwa Ekiri mu Ndagaano Empya*

7 Kale obanga obuweereza bw'amateeka agaleeta okufa agaayolebwa ku
mayinja bwaleetebwa n'ekitiibwa kingi, eri abaana ba Isirayiri, abantu ne
batasobola na kutunula mu maaso ga Musa, olw'ekitiibwa ekyali kiva ku
maaso ge, ekyali kigenda okuggwaako,
8 kale obuweereza obw'omwoyo tebulisinga nnyo okuba obw'ekitiibwa?
9 Kuba obanga obuweereza bw'okusalirwa omusango bwa kitiibwa,
obuweereza bw'obutuukirivu businga nnyo ekitiibwa.
10 Kubanga ekyaweebwa ekitiibwa tekyakiweebwa mu kigambo kino.
11 Kale obanga ekyo ekiggwaawo kaakano kyajja n'ekitiibwa, ekyo
ekitaggwaawo kisinga nnyo ekitiibwa kya kiri ekyasooka.
12 Olw'okuba n'essuubi eringi bwe lityo, kyetuva tuweereza n'obuvumu
bungi,
13 so si nga Musa eyeebikkanga ku maaso ge, abaana ba Isirayiri baleme
okulaba ekitiibwa bwe kiggwaako.
14 Naye ebirowoozo byabwe byakkakkanyizibwa kubanga n'okutuusa
leero ekibikka ku maaso ekyo kikyali kye kimu kye beebikkanga
nga basoma endagaano enkadde, kye bakyebikako nga bagisoma,
tekyababikkulirwa, kubanga kiggyibwawo mu Kristo.
15 Naye n'okutuusa leero, Musa bye yawandiika bwe bisomebwa,
emitima gyabwe giba gibikiddwako essuuka.
16 Naye buli muntu akyuka n'adda eri Mukama, abikkulwako essuuka
eyo.
17 Kale nno Mukama ye Mwoyo, era buli Omwoyo wa Mukama w'abeera,
wabaawo eddembe.

18 Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo.

# 4

## *Eby'obugagga eby'Omuwendo mu Bibya eby'Ebbumba*

1 Noolwekyo nga bwe tulina obuweereza buno bwe twaweebwa olw'okusaasirwa, tuleme kuddirira.
2 Twaleka ebikisibwa eby'ensonyi, nga tetutambulira mu bukuusa, wadde okukyamya ekigambo kya Katonda, wabula okuggyayo amazima nga bwe gali, nga tweraga eri buli ndowooza y'omuntu mu maaso ga Katonda.
3 Naye obanga ddala Enjiri yaffe ekwekeddwa, ekwekeddwa eri abo ababula.
4 Katonda w'emirembe gino yazibikira ebirowoozo by'abo abatakkiriza, obutabamulisiza njiri ey'ekitiibwa kya Kristo, ye nga kye kifaananyi kya Katonda.
5 Kubanga tetweyogerako wabula Kristo Yesu Mukama, naffe tuli baddu bammwe ku lwa Yesu.
6 Kubanga Katonda oyo ye yagamba nti, "Omusana gwake mu kizikiza," ye yayaka mu mitima gyaffe, okuleetera abantu ekitangaala eky'okumanya ekitiibwa kya Katonda ekirabikira mu Yesu Kristo.
7 Naye kaakano tulina ekyobugagga kino mu bibya eby'ebbumba, okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe.
8 Tunyigirizibwa erudda n'erudda, naye ne tutabetenteka. Ne twerali-ikirira, naye ne tutazirika.
9 Tuyigganyizibwa, naye Katonda tatuleka. Tusuulibwa wansi, naye ne tutabetentuka,
10 nga tulaga okufa kwa Yesu bulijjo mu mibiri gyaffe, okufa kwa Yesu kulyoke kulabisibwe mu mibiri gyaffe.
11 Kubanga ffe abalamu tuweebwayo eri okufa olwa Yesu, obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwe mu mibiri gyaffe.
12 Kale nno okufa kukolera mu ffe, naye obulamu bukolera mu mmwe.
13 Bwe tuba n'omwoyo omu ow'okukkiriza, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "Nakkiriza noolwekyo kyennava njogera," naffe tukkiriza, noolwekyo kyetuva twogera.
14 Tumanyi ng'oyo eyazuukiza Mukama waffe Yesu, naffe agenda kutuzuukiza ne Yesu, era alitwanjulira wamu nammwe.
15 Kubanga byonna biri bwe bityo ku bwammwe, okusiimibwa okwo bwe kweyongera okuyita mu bangi, n'okwebaza ne kulyoka kweyongera, Katonda n'agulumizibwa.

## *Okuba Abalamu olw'Okukkiriza*

16 Noolwekyo tetuterebuka, kubanga newaakubadde ng'emibiri gyaffe gifa, naye omuntu waffe ow'omunda adda buggya bulijjo.
17 Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.
18 Noolwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe.

# 5

1 Kubanga tumanyi ng'ennyumba yaffe ey'ensiisira ey'oku nsi
bw'erisaanyizibwawo, tulina ennyumba okuva eri Katonda, ennyumba
etaakolebwa na mikono, ey'olubeerera ey'omu ggulu.
2 Kubanga tusindira mu nnyumba eno, nga twegomba okwambazibwa
ennyumba yaffe eriva mu ggulu.
3 Kubanga bwe tulyambazibwa, tetulisangibwa nga tuli bwereere.
4 Kubanga ffe abali mu nsiisira eno tusinda, nga tuzitoowererwa,
nga tetwagala kusangibwa nga tetwambadde, wabula nga twambadde,
omubiri ogufa gumiribwe obulamu.
5 Oyo eyatuteekerateekera ekintu ekyo kyennyini ye Katonda oyo
eyatuwa amazima g'Omwoyo.
6 Noolwekyo tulina obwesige bulijjo nga tumanyi nti bwe tuba mu
mubiri guno, tetuba waffe, olwo nga tetuli na Mukama waffe.
7 Kubanga tutambula lwa kukkiriza so si lw'amaaso gaffe bye galaba.
8 Noolwekyo tuli bagumu era tuli basanyufu, wakiri okuva mu mibiri
guno ne tubeera ewaffe mu ggulu ne Mukama waffe.
9 Noolwekyo kyetuva tunoonya oba nga tuli ewaffe oba nga tetuli waffe,
tumusanyuse.
10 Kubanga ffe ffenna kitugwanira okulabika mu maaso g'entebe ya
Kristo ey'okusalirako omusango, buli muntu asalirwe olw'ebyo bye yakola
ng'akyali mulamu, okusinziira ku ebyo bye yakola oba birungi oba bibi.

### *Omukwano ne Katonda nga Guyita mu Kristo*

11 Noolwekyo bwe tumanya entiisa ya Katonda, kyetuva tukola
obutaweera okuleeta abantu eri Kristo, era kye tuli kimanyiddwa eri
Katonda, era nsuubira nga bwe kiri ne mu mitima gyammwe.
12 Tetugezaako kuddamu kubeenyumiririzaako, naye tubawa omukisa
okwenyumiriza ku lwaffe, musobole okuba n'eky'okuddamu abo ababee-
waanirako kyokka nga mu mitima gyabwe si ba mazima.
13 Bwe tuwulikika ng'abagudde eddalu olw'ebyo bye tweyogerako,
tukikoze ku bwammwe.
14 Kubanga okwagala kwa Katonda kutuwaliriza, ng'omu bwe yafiirira
bonna, bonna kyebaava bafa.
15 Yafiirira abantu bonna; abalamu balemenga okubeera abalamu ku
bwabwe bokka, wabula ku bw'oyo eyabafiirira era n'azuukira,
16 okuva kaakano, tuleme okumanya omuntu yenna mu mubiri, bwe
tuba nga ddala twamanya Kristo mu mubiri. Naye kaakano tetukyamu-
manyi bwe tutyo.
17 Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya;
eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya.
18 Ebintu byonna biva eri Katonda eyatukomyawo gy'ali nga tuyita mu
Kristo, era ne tuweebwa obuweereza obw'okutabaganya.
19 Kubanga Katonda yali mu Kristo, ng'atabagana n'abantu, nga taba-
balira, bibi byabwe, n'atuteresa ffe obubaka obw'okutabaganya.
20 Noolwekyo ku bwa Kristo tuli babaka, era Katonda atuma ffe
okwogera nammwe. Kyetuva tubeegayirira, ku bwa Kristo, mutabagane
ne Katonda.
21 Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune
obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu.

# 6

1 Ffe ng'abakolera awamu ne Katonda, tubeegayirira, ekisa kya Katonda
kye mufunye, kireme kufa bwereere.
2 Kubanga agamba nti,
"Nakuwulira mu biro ebituufu,
era ne nkuyamba ku lunaku olw'obulokozi."
Laba kaakano kye kiseera ekituufu, era laba kaakano lwe lunaku
olw'obulokozi.

*Ebizibu bya Pawulo*

3 Tetuleeta kintu kyonna kyesittaza, obuweereza bwaffe buleme
okunenyezebwa,
4 naye mu buli kintu tweyoleka nga tuli baweereza ba Katonda, mu
kugumiikiriza okungi okw'okubonaabona, mu bizibu byonna ebya buli
ngeri, ne mu kunyolwa,
5 ne mu kukubibwa ne mu kusibibwa mu kkomera, ne mu busasamalo,
ne mu kutakabana, ne mu kutunula, ne mu kusiiba,
6 ne mu bulongoofu, ne mu kumanya, ne mu bugumiikiriza, ne mu kisa,
mu Mwoyo Omutukuvu, ne mu kwagala okutaliimu bukuusa,
7 ne mu kigambo eky'amazima, ne mu maanyi ga Katonda
olw'ebyokulwanyisa eby'obutuukirivu ebiri mu mukono ogwa ddyo
n'ogwa kkono,
8 wakati mu kitiibwa n'okunyoomebwa, wakati mu kutufeebya, ne
wakati mu kututenda, nga tuyitibwa abalimba ate nga tuli ba mazima.
9 Ensi etusussa amaaso nga b'etemanyi, naye ate nga tumanyiddwa
ng'abaafa, naye laba nga tuli balamu, nga tubonerezebwa naye ate nga
tetuttibwa,
10 nga tunakuwala naye ate nga tusanyuka bulijjo, nga tuli ng'abaavu
naye nga tugaggawaza bangi, nga tuli ng'abatalina kintu naye ate nga
tulina byonna.
11 Twogedde lwatu gye muli Abakkolinso, n'omutima gwaffe gugaziye.
12 Musiriikiridde bingi naye ffe tubategeezezza byonna.
13 Kaakano njogera nammwe nga bwe nandyogedde n'abaana,
temutwekwekerera.
14 Temwegattanga wamu n'abatali bakkiriza, kubanga nkolagana ki
eriwo wakati w'obutuukirivu n'obujeemu, oba kutabagana ki okuliwo
wakati w'ekitangaala n'ekizikiza?
15 Kristo atabagana atya ne Beriyali? Oba mugabo ki omukkiriza
gw'alina n'atali mukkiriza?
16 Yeekaalu ya Katonda ne bakatonda abalala bibeera bitya obumu?
Kubanga ffenna tuli Yeekaalu ya Katonda omulamu. Nga Katonda bwe
yagamba nti,
"Nnaabeeranga mu bo
era natambuliranga mu bo,
nnaabeeranga Katonda waabwe,
nabo banaabeeranga bantu bange."
17 Noolwekyo "muve wakati mu bo,
mubeeyawuleko,
bw'ayogera Mukama.
Temukwata ku bitali birongoofu,
nange nnaabaaniriza."
18 Era "nnaabeeranga Kitammwe,

nammwe ne mubeeranga batabani bange ne bawala bange,"
bw'ayogera Mukama Ayinzabyonna.

# 7

1 Abaagalwa, nga bwe tulina ebisuubizo ng'ebyo, twetukuze mu buli
kintu ekyonoona omubiri n'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya
Katonda.

*Essanyu lya Pawulo*

2 Mutuggulirewo emitima gyammwe, kubanga tewali n'omu gwe
twasobya. Tewali n'omu gwe twakyamya. Tewali n'omu gwe twali
tulyazaamaanyizza.
3 Bino sibyogera ng'abasalira omusango, kubanga nabategeeza dda nti,
Mulina ekifo mu mitima gyaffe, nga tubeera balamu ffenna era nga tufiira
wamu nammwe.
4 Mbeesiga nnyo, era mbeenyumiririzamu nnyo; muŋŋumizza nnyo
omwoyo ne mundeetera essanyu lingi wakati mu kubonaabona kwange.
5 Bwe twatuuka mu Makedoniya tetwasobola kuwummulako, nga
twetooloddwa ebibonoobono ebya buli ngeri, ebweru nga waliyo entalo
ate munda mu ffe nga tutidde.
6 Naye Katonda agumya abo ababa batendewereddwa, n'atuzzaamu
amaanyi olw'okutuuka kwa Tito.
7 Okujja kwe si kwe kwokka okwatuleetera essanyu, naye n'amawulire
agafa gye muli, ge yatuleetera n'engeri ennungi gye mwamwanirizaamu,
ne bwe yantegeeza nga bwe mwali mwesunga okujja kwange, n'ennaku
gye mwalina bwe mwategeera nga sikyazze, n'obunyiikivu bwammwe,
ebyo ne binnyongera essanyu!
8 Kuba bwe kiba nga ddala ebbaluwa gye nnabawandiikira ya-
banakuwaza, sikyejjusa; wabula ddala nkyejjusa, kubanga ebbaluwa eyo
yabanakuwazaamu ekiseera kitono.
9 Kaakano nnina essanyu, si lwa kubanga yabanakuwaza, naye lwa
kubanga mwanakuwalira ekibi ne mwenenya, ne Katonda n'alaba oku-
nakuwala kwammwe muleme okufiirwa ekigambo kyonna ku lwaffe.
10 Kubanga okunakuwala okw'okwenenya eri Katonda kuleeta obu-
lokozi, era tekuleeta kwejjusa; naye okunakuwala okw'ensi kuleeta kufa.
11 Kubanga laba okunakuwala okwo Katonda kw'asiima kwabaleetera
okwewala bino: okufuba ennyo, n'okwennyonnyolako, n'okusunguwala,
n'okutya, n'okwegomba, n'okufuba ennyo okwenenya, n'okuwalana
eggwanga. Mwakola kyonna kye musobola okulongoosa ekyasoba.
12 Kale newaakubadde nga nabawandiikira ssawandiika ku lw'oyo
eyakola ekibi, newaakubadde oyo gwe bakikola, wabula lwa kunyiikira
kwammwe eri Katonda ku lwaffe.
13 Noolwekyo ebyo byatuzzaamu endasi.
Bwe twaddamu endasi, tweyongera nnyo okusanyuka olw'essanyu lya
Tito, kubanga omwoyo gwe gwawummuzibwa mmwe mwenna.
14 Obanga nnenyumiriza mu kigambo kyonna ku lwammwe, temwan-
swaza, naye byonna nga bwe twabibategeeza bwe biri eby'amazima, era
n'okwenyumiriza kwaffe ku Tito nakwo ne kuba kwa mazima.
15 N'okwagala kw'alina kweyongera nnyo gye muli ng'ajjukira okugonda
kwammwe mwenna, nga bwe mwamusembeza n'okutya n'okumussaamu
ekitiibwa.
16 Bino byonna bindeetera essanyu lingi, era mbesigira ddala.

# 8

*Okugaba kw'Abakristaayo*

1 Kaakano tubategeeza abooluganda, ekisa kya Katonda ekyaweebwa
ekkanisa z'e Makedoniya.
2 Mu kugezesebwa okw'okubonaabona, baagattika essanyu lyabwe
ery'ekitalo n'obwavu bwabwe obungi, ne bafunamu okugaba okwewu-
unyizibwa ennyo.
3 Tebaagaba kutuuka we basobola wokka, naye nawo baasukkawo, era
baagaba lwa kweyagalira.
4 Baatwegayirira tubatwalire ebirabo byabwe, nabo basanyukire wamu
ne bannaabwe abaweerezza obuyambi eri abatukuvu.
5 Ate era kye twali tutasuubidde, baasooka kwewaayo eri Mukama,
n'oluvannyuma gye tuli olw'okwagala kwa Katonda.
6 Kyatugwanira okusaba Tito, nga bwe yasooka okubaweereza, ajje
atuukirize n'ekikolwa ekyo eky'ekisa.
7 Naye nga bwe musukirira mu bintu byonna, mu kukkiriza, ne mu
kigambo, ne mu kutegeera, ne mu kunyiikira kwonna, twagala okulaba
nga ne mu kisa kino musukirira.
8 Sibawa kiragiro, wabula olw'okunyiikira kw'abalala n'okugezesa
okwagala kwammwe nga kw'amazima.
9 Kubanga mumanyi ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo nga bwe
yafuka omwavu ku lwammwe, mwe mulyoke mugaggawale.
10 Amagezi ge mbawa ge gano nti mumalirize ekyo kye mwatandikako
mu mwaka ogwayita, kubanga si mmwe mwasooka okuleeta ekirowoozo
ekyo ate era si mmwe mwali ababereberye mu kutandika okukikolerako.
11 Naye kaakano mu bumalirivu bwammwe mu kwagala okukikola,
mumalirize omulimu ogwo, okusinziira kw'ekyo kye mulina.
12 Kuba obanga mulina obumalirivu nga buli muntu bw'alina, buli
muntu aweeyo okusinziira ku ekyo ky'alina so si ky'atalina.
13 Abalala baleme kuyambibwa ate nga mmwe munyigirizibwa, walyoke
wabeewo, okwenkanankana.
14 Kaakano bye mulina ebingi biyambe abo abali mu kwetaaga, ate
ebyabwe bye baliba nabyo ebingi biribayamba nga muli mu kwetaaga.
15 Nga bwe kyawandiikibwa nti, "Oyo eyakuŋŋaanyanga ennyingi
teyasigazangawo, n'eyakuŋŋaanyanga entono ng'emumala bumazi."

*Tito Atumibwa e Kkolinso ne Banne*

16 Kyokka Katonda yeebazibwe eyassa obunyiikivu bwe bumu mu
mutima gwa Tito ku lwammwe.
17 Olw'okuzzibwamu amaanyi kwe yafuna, n'olw'okufuba kwe, yajja gye
muli.
18 Era tutumye wamu naye owooluganda atenderezebwa olw'enjiri mu
kkanisa zonna,
19 naye si ekyo kyokka wabula yalondebwa okutambulanga
naffe olw'ekisa kye tuweereza ffe olwa Mukama waffe yennyini
n'olw'okugulumiza n'okulaga nga bwe twetegese okuyamba,
20 nga twewala omuntu yenna okutunenya olw'ekirabo kino kye
tuweereza.
21 Kubanga kye tugenderera kwe kukola ebirungi, si mu maaso ga
Katonda yekka wabula ne mu maaso g'abantu.

22 Era awamu nabo twabatumira owooluganda gwe tukakasizza nga
munyiikivu mu bintu bingi era nga ne kaakano munyiikivu nnyo
olw'obwesige bw'abalinamu.
23 Singa wabaawo ayagala okumanya ebifa ku Tito, tukolagana, mukozi
munnange; abooluganda, bo batume ba kkanisa, olw'ekitiibwa kya Kristo.
24 Noolwekyo okwagala kwammwe n'okwenyumiriza kwammwe byey-
oleke gye bali.

# 9

*Okuyamba Bakristaayo Bannaabwe*

1 Mmanyi bulungi nga tekinneetaagisa kubawandiikira ku nsonga
y'okuweereza abatukuvu;
2 kubanga mmanyi nga bwe mwagala ennyo okuyamba, ne mikwano
gyaffe wano mu Makedoniya nabategeezaako nga nnenyumiriza ku
lwammwe nti ab'omu Akaya babadde beetegefu okuviira ddala mu
mwaka ogwayita, era obumalirivu bwammwe bwakubiriza bangi.
3 Nabatumira abooluganda okwenyumiriza kwaffe ku lwammwe kuleme
kuba kwa bwereere mu nsonga eyo, mube beetegefu nga bwe nagamba.
4 Si kulwa ng'ab'e Makedoniya bajja nange ne babasanga nga
temwetegese, ne tuswala, ne bwe tutaboogerako nti ye mmwe, mu
kubeesiga mmwe.
5 Kyenvudde ndowooza nga kiŋŋwanidde okubagumya abooluganda,
bano babasookeyo, bateeketeeke ekirabo kye mwasuubiza, ekirabo ekyo
kitegekebwe kibeere omukisa so si ekintu eky'okuwalirizibwa.
6 Naye mujjukire nti, "Asiga ekitono alikungula kitono, naye asiga
ekinene alikungula kinene."
7 Buli omu akola nga bw'asazeewo mu mutima gwe, si lwa nnaku,
newaakubadde olw'okuwalirizibwa, kubanga Katonda ayagala oyo agaba
n'essanyu.
8 Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli, bulijjo mubeerenga
n'ebibamala byonna mu buli kintu nga musukkirira mu mulimu gwonna
omulungi,
9 nga bwe kyawandiikibwa nti,
"Yasaasaanya, yagabira abaavu.
Obutuukirivu bwe bubeerera emirembe gyonna."
10 Kubanga oyo awa omulimi ensigo okusiga, ate n'amuwa n'emmere
ey'okulya, anaayazanga ensigo yammwe era n'agyongerako, era anaay-
ongeranga ebibala eby'obutuukirivu.
11 Anaabagaggawazanga mu buli kintu, ekyebazisa Katonda mu ffe.
12 Kubanga omulimu gw'obuweereza buno tegukoma ku kuyamba
batukuvu abali mu kwetaaga kyokka, kusukkirira mu kwebaza okungi eri
Katonda.
13 Olw'obukakafu obuvudde mu buweereza obwo, Katonda agulumiz-
ibwa olw'okugonda okw'okwatula kwammwe eri Enjiri ya Kristo, ne mu
kugaba kwe mwalaga mu bye mwabawa, n'eri abantu bonna,
14 era n'okubasabira kwe babasabira kubanga babaagala nnyo olw'ekisa
kya Katonda eky'ekitalo kye mulina;
15 Katonda yeebazibwe olw'ekirabo ekitayogerekeka.

# 10

*Pawulo Awolereza Omulimu gwe*

1 Kaakano nze kennyini, Pawulo, mbeegayirira mu buwombeefu
n'obukkakkamu bwa Kristo bwe mba nabwo nga neetoowazizza nga ndi
nammwe, naye bwe mba nga siri nammwe ne mba muvumu gye muli;
2 mbegayirira wadde ssiriiwo, bwe ndijja nneme kwogeza maanyi nga
bwe nkola eri abantu abamu abatulowooleza okuba nga tugoberera bya
mubiri.
3 Newaakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana ng'ab'omubiri,
4 kubanga ebyokulwanyisa byaffe eby'olutalo, si bya mubiri wabula
bya maanyi mu Katonda olw'okuwangula ebigo, n'olw'okuwangula en-
dowooza,
5 na buli kintu ekigulumivu ekyekuluntaza okusinga amagezi ga Ka-
tonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo, kigondere Kristo,
6 era nga tweteeseteese okuwalana eggwanga ku bujeemu bwonna, bwe
munaagonderanga ddala.
7 Mutunuulira ebintu nga bwe birabika kungulu. Omuntu yenna
bw'alowooza munda mu ye okuba owa Kristo, ekyo akirowooza ku ye
yekka, nti nga naffe tuli ba Kristo nga ye.
8 Kubanga ne bwe ndisukkirira okwenyumiriza olw'obuyinza bwe
tulina, Mukama bwe yatuwa olw'okubazimba so si lwa kubassa wansi,
sirikwatibwa nsonyi,
9 nneme kufaanana ng'abatiisa mu bbaluwa zange.
10 Kubanga agamba nti, "Ebbaluwa ze ddala nzito era z'amaanyi, naye
okubaawo kwe mu mubiri kunafu, n'okwogera kwe kunyoomebwa."
11 Alowooza bw'atyo ategeere nga bye twogerako mu bbaluwa nga tetuli
nammwe, era bye tukola nga tuli nammwe.
12 Ffe tetwaŋŋanga kwebalira wadde okwegeraageranya n'abamu ku
abo abeetendereza, naye bo bwe beepimamu bokka na bokka, ne
beegeraageranya bokka na bokka tebaba na kutegeera.
13 Naye ffe tetujja kwenyumiriza kusukka ku kigera kyaffe, naye tujja
kwenyumiriza ng'ekigera ekyo ekyatuweebwa Katonda bwe kiri, ne
tusobola n'okubatuukako mmwe.
14 Kubanga tetukununkiriza kusinga kigera kye tulina, kubanga
nammwe twabatuusaako Enjiri ya Kristo,
15 nga tetwenyumiriza kusinga omulimu abalala gwe baakola, naye nga
tulina essuubi nti ng'okukkiriza kwammwe bwe kugenda kweyongera,
n'omulimu gwaffe gugenda gweyongera,
16 era nga tubuulira Enjiri ne mu bitundu ebibali ewala, naye so si
mu kitundu eky'omulala omwakolebwa edda omulimu waleme okubaawo
eyeenyumiriza.
17 Naye eyeenyumiriza yeenyumirizenga mu Mukama waffe;
18 kubanga eyeetenda yekka, oyo si ye asiimibwa, wabula oyo Mukama
gw'atenda.

# 11

*Pawulo Ayogera ku Batume ab'Obulimba*

1 Mbasaba mungumiikirizeeko mu busirusiru bwange obutono, wee-
waawo mungumiikirize.
2 Mbakwatirwa obuggya, obuggya bwa Katonda, kubanga naboogereza
omusajja omu, nga muli mbeerera zennyini, ne mbawaayo eri Kristo;

3 kyokka neeraliikirira nnyo nga ntya nti si kulwa nga mulimbibwa nga
Kaawa bwe yalimbibwa omusota ne muwaba mu birowoozo byammwe
okuva mu bwetoowaze n'obutukuvu obuli mu Kristo.
4 Bwe wabaawo omuntu ajja n'ababuulira Yesu omulala gwe tutabuulira,
oba ne mufuna omwoyo omulala, gwe mutafunanga, oba ne mubuulirwa
Enjiri endala gye mutabuulirwanga, mubigumiikiriza.
5 Kubanga ndowooza ng'abatume abakulu ennyo tebalina kye bansinza.
6 Kubanga newaakubadde nga siri mumanyirivu mu kwogera, naye si
mu kutegeera, wabula mu ngeri yonna twaboolesa ebintu byonna.
7 Oba nasobya bwe netoowaza mulyoke mugulumizibwe, bwe nabuulira
Enjiri ya Katonda ey'obwereere?
8 Nanyaga ekkanisa endala, kubanga zampeerezanga ensimbi ne
nzikozesa nga ndi nammwe ndyoke mbaweereze,
9 era bwe nnali nammwe ne mbaako bye neetaaga, ssaazitoowerera
muntu yenna kubanga abooluganda abaava e Makedoniya bampanga
byonna bye nnali neetaaga, ne neekuuma nnyo obutabazitoowerera mu
buli kintu, era nzija kwongera okwekuuma bwe ntyo.
10 Ng'amazirna ga Kristo bwe gali mu nze, okwenyumiriza kuno tekujja
kuziyizibwa mu nze mu bitundu bya Akaya.
11 Lwaki? Olw'okubanga sibaagala? Katonda amanyi nga mbaagala.
12 Naye nzija kweyongera okukola nga bwe nkola ndyoke nziggyewo
omukisa eri abo abaagala okukozesa omukisa ogwo abaagala okulabika
nga ffe mu kwenyumiriza kwabwe.
13 Abantu ng'abo batume baabulimba, era bakozi baabukuusa, nga
beefuula abatume ba Kristo.
14 Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika
ow'omusana.
15 Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza
b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa
ng'ebikolwa byabwe biri.

### *Okubonaabona kwa Pawulo*

16 Nziramu okubagamba nti omuntu yenna aleme kundowooza kuba
musirusiru; kyokka ne bwe mundowooza okuba omusirusiru, munsem-
beze, nange neenyumirizeeko katono.
17 Kaakano bye njogera Mukama si yandagidde okubyogera, wabula
neeyisa ng'omusirusiru mu buvumu buno obw'okwenyumiriza.
18 Naye obanga bano beenyumiriza mu by'omubiri nange ka nneenyu-
mirize.
19 Mmwe muli bagezi, kyemuva mugumiikiriza abasirusiru.
20 Omuntu yenna bw'abafuula abaddu, oba n'abanyaga, oba
n'abalyazaamanya, oba ne yeegulumiza, oba n'abakuba empi,
mukigumiikiriza.
21 Ekyo kinswaza okukyogera kubanga tubadde banafu mu ekyo. Naye
omuntu yenna kye yeewaayo okukola, nga njogera mu busirusiru, nange
neewaayo okukikola.
22 Bo Baebbulaniya? Nange bwe ndi. Bagamba nti Bayisirayiri? Nange
bwe ntyo. Bazzukulu ba Ibulayimu? Nange bwe ndi.
23 Bagamba nti baweereza ba Kristo? Nga njogera ng'agudde eddalu, nze
mbasinga; Mbasinga okukola ennyo, era nsibiddwa mu kkomera emirundi
mingi okubasinga, n'emirundi gye nkubiddwa mingi okusingawo, era
emirundi mingi ne mba kumpi n'okufa.

24 Abayudaaya bankuba embooko amakumi asatu mu mwenda ku mirundi egy'enjawulo etaano.
25 Nakubwa emiggo emirundi esatu. Omulundi gumu nakubwa amayinja. Emirundi esatu ekyombo kye nalingamu kyamenyeka. Olulala ne nsula era ne nsiiba mu buziba.
26 Ntambudde nnyo, era emirundi mingi ne mpona akabi k'omujjuzo gw'emigga, ne mpona n'akabi ak'abanyazi, n'empona ab'eggwanga lyange, era n'Abamawanga abalala. Nayolekera obubenje obw'omu kibuga, ne mpona n'okufiira mu ddungu ne mu muyaga ogw'oku nnyanja, ne mpona n'akabi ak'abantu abeeyita abooluganda;
27 mu kukola ennyo ne mu kufuba nga seebaka, mu kulumwa enjala ne mu kufuuyibwa empewo ne mu kubeera obwereere.
28 Ebirala bye simenye nga nabyo bikyali awo, neeraliikirira buli lunaku nga ndowooza ku Kkanisa zonna nga bwe ziri.
29 Bwe wabaawo anafuye, nange nzigwamu amaanyi, omulala bw'agwa mu kibi, nange njaka munda yange.
30 Naye obanga kiŋŋwanidde okwenyumiriza, ka neenyumirize olw'ebyo ebiraga obunafu bwange!
31 Katonda, era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu, atenderezebwa emirembe n'emirembe, amanyi nga ssirimba.
32 Bwe nnali mu Damasiko, Kabaka Aleta yalagira gavana alagire abakuumi b'ekibuga, nkwatibwe,
33 naye ne mpisibwa mu ddirisa, eryali mu kisenge kya bbugwe w'ekibuga, nga ndi mu kisero kye baaleebeesa ku miguwa okuntuusa ebweru wansi, bwe ntyo abo ne mbawona.

# 12

### *Okwolesebwa ate n'Eriggwa mu Bulamu bwa Pawulo*

1 Kiŋŋwanidde okwenyumiriza, newaakubadde nga tekugasa. Naye ka njogere ku kwolesebwa n'okubikkulirwa kwa Mukama waffe.
2 Waliwo omusajja wa Kristo gwe mmanyi, emyaka kkumi n'ena egiyise yatwalibwa mu ggulu eryokusatu. Naye oba yatwalibwa ng'ali mu mubiri, oba nga tali mu mubiri, nange simanyi, wabula Katonda ye amanyi.
3 Era mmanyi ng'omuntu oyo, oba mu mubiri oba ng'aggiddwa mu mubiri nange simanyi, wabula Katonda ye amanyi,
4 nga yatwalibwa mu nnimiro lwa Katonda n'awulira ebintu bingi eby'ekyewuunyo omuntu by'atakkirizibwa kwatula.
5 Ku bw'omuntu oyo nzija kwenyumiriza naye ku bwange siryenyumiriza, okuggyako mu bunafu bwange.
6 Naye ne bwe nandiyagadde okwenyumiriza, sandibadde musirusiru kubanga nandibadde njogera mazima, naye saagala muntu yenna andowoozeeko nti ndi wa waggulu nnyo okusinga we yandintadde ng'asinziira ku ebyo by'andabamu oba by'ampulirako,
7 okusingira ddala okubikkulirwa kwe nafuna. Noolwekyo olw'obutagulumizibwa nnyo, kyenava nfumitibwa eriggwa mu mubiri, ye mubaka wa Setaani, ankube nneme okugulumizibwa ennyo.
8 Emirundi esatu egy'enjawulo nga nsaba Mukama amponye eriggwa eryo.
9 Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga

nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe.
10 Kyenva nsanyukira mu bunafu, mu kuvumibwa, mu bizibu, mu kuyigganyizibwa, mu binzitoowerera, ku lwa Kristo, kubanga buli bwe mba omunafu, olwo nga ndi wa maanyi.

### *Pawulo Alumirwa Abakkolinso*

11 Naye mwampaliriza okufuuka omusirusiru. Noolwekyo mmwe musaana okunjogerako kubanga abatume abakulu abawagulu tebalina na kimu kye bansinza, newaakubadde nga nze siri kintu.
12 Eky'amazima obubonero obw'omutume bwakolerwa mu mmwe mu kugumiikiriza kwonna, mu bubonero ne mu byewuunyo, ne mu bikolwa eby'amaanyi.
13 Kubanga kiki ekkanisa endala kye zaabasingira, wabula nze kennyini obutabazitoowereranga. Munsonyiwe ekyonoono ekyo.
14 Laba guno mulundi gwa kusatu nga nneeteeseteese okujja gye muli, era sijja kubazitoowerera, kubanga ebyammwe si bye njagala, wabula njagala mmwe. N'ekirala, mmwe muli baana bange; abaana si be baterekera bazadde baabwe eby'obugagga, wabula abazadde be baterekera abaana baabwe.
15 Naye nzija kusanyuka nnyo okwewaayo gye muli, nze ne byonna bye nnina olw'emyoyo gyammwe, newaakubadde nga nze gye nkoma okubaagala ennyo, ate mmwe okwagala kwammwe gye ndi gye kukoma okukendeera.
16 Naye mukkirize nti ssabazitoowerera; naye ne ngerengetanya ne mbatega mu lukwe.
17 Mu abo be nabatumira, ani gwe nakozesa okubafunamu amagoba?
18 Nakuutira Tito okujja, ne ntuma n'owooluganda omulala awamu naye; Tito yeeyabafunako amagoba? Tetwatambulira mu mwoyo gumu? Tetwatambulira mu kisinde kimu?

### *Okutya kwa Pawulo n'Okweraliikirira*

19 Obw'edda mwalowooza nga mwetoowaza mu maaso ga Katonda. Naye abaagalwa ebintu byonna tubyogerera mu Kristo olw'okubazimba.
20 Kubanga kye ntya oboolyawo kwe kubasanga nga mufaanana nga bwe ssaagala, nange mmwe okunsanga nga nfaanana nga bwe mutayagala; oboolyawo nga waliwo okuyomba, n'obuggya, n'obusungu, n'okwawukana, n'okugeyaŋŋana, n'olugambo, n'okwekuluntaza, n'okutabukatabuka;
21 bwe ndijja nate, Katonda wange aleme kuntoowaza mu maaso gammwe, ne nkaabira abo bonna abaayonoona edda, ne bateenenya obutali bulongoofu, n'obwenzi, n'obugwagwa bye baakola.

## 13

### *Okulabula Okusembayo*

1 Omulundi guno gwe nzija gye muli gwe gwokusatu. Buli kigambo kirikakasibwa abajulirwa babiri oba basatu nga boogedde.
2 Nabalabula era mbalabula nga bwe nabalabula bwe nnali eyo omulundi ogwokubiri, era ne kaakano nga ssiriiyo, abo abaayonoona edda n'abalala bonna, nti bwe ndikomawo ssirisaasira,
3 nga bwe munoonya okukakasa oba nga njogerera mu Kristo, atali munafu gye muli, wabula ow'amaanyi mu mmwe.

4 Kubanga newaakubadde nga yakomererwa mu bunafu, kyokka mu-
lamu mu maanyi ga Katonda. Naffe tuli banafu mu mibiri gyaffe nga tuli
mu ye, naye tuliba balamu mu ye olw'amaanyi ga Katonda olw'omulimu
gwe tukola mu mmwe.
5 Mwekebere mulabe obanga muli mu kukkiriza; oba temumanyi nga
Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozi nga temukakasibbwa.
6 Naye nsuubira nga mumanyi nti tetuli abataakakasibwa.
7 Kaakano tubasabira eri Katonda obutakola kibi na kimu, si lwa
kwagala kulabika nga tusiimibwa, wabula mmwe mukole ebirungi, ffe ne
bwe tunaasigala nga tetusiimibbwa.
8 Kubanga tetuyinza kuwakanya mazima, wabula tugawagira buwagizi.
9 Ffe kitusanyusa bwe tuba abanafu, mmwe ne muba ab'amaanyi.
Tubasabira mmwe okuzzibwa obuggya.
10 Mbawandiikira kubanga siri nammwe, bwe ndijja nneme kubakam-
buwalira, okusinziira ku buyinza Mukama bwe yampa okubazimba, so si
okubazikiriza.

### *Okusiibula n'Omukisa*

11 Ebisigadde abooluganda, mujaguze, muzibwemu amaanyi, mu-
lowooze bumu, mubeere n'emirembe, Katonda ow'okwagala n'emirembe
anaabeeranga nammwe.

12 Mulamusagane n'okulamusa okutukuvu.
13 Abatukuvu bonna babalamusizza.

14 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda,
n'okussekimu okwa Mwoyo Mutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Abaggalatiya

1 Nze Pawulo omutume, ataatumibwa bantu wadde omuntu, wabula eyatumibwa Yesu Kristo ne Katonda Kitaffe, eyamuzuukiza mu bafu,
2 awamu n'abooluganda bonna abali nange tuwandiikira ekkanisa ez'e Ggalatiya,
3 nga tugamba nti ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe n'eri Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe;
4 Kristo oyo eyeewaayo ku lw'ebibi byaffe, alyoke atununule mu mulembe guno omubi ng'okwagala kwa Katonda, era Kitaffe bwe kuli,
5 aweebwe ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.

*Tewali Njiri Ndala*

6 Naye mbeewuunya kubanga mukyuka mangu okuva ku oyo, eyabayita olw'ekisa kya Kristo, naye ne mukyuka mangu okugoberera Enjiri endala.
7 Kubanga tewali njiri ndala, wabula mwawubisibwa abaagala okunyoola n'okukyusa Enjiri ya Kristo.
8 Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga Enjiri okuggyako gye twababuulira, akolimirwenga.
9 Nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo nziramu okukyogera nti, omuntu yenna bw'ababuulira Enjiri eteri eyo ggye mwakkiriza akolimirwenga.
10 Kale kaakano nkolerera kumatiza bantu oba kusiimibwa Katonda? Oba ngezaako kusanyusa bantu? Singa nnali nkyagezaako okusanyusa abantu, sandibadde muddu wa Kristo.
11 Kubanga abooluganda, mbategeeza nti, Enjiri gye nababuulira teyeesigamizibwa ku muntu,
12 era nange saagiweebwa muntu wadde okusomesebwa omuntu wabula Yesu Kristo ye yagimbikkulira.
13 Mumanyi nga bwe nnali nfaanana nga nkyagoberera eddiini y'Ekiyudaaya, nga bwe nayigganyanga ennyo Ekkanisa ya Katonda okugizikiza,
14 era nga nnali omu ku bannaddiini abaakulaakulana mu ggwanga lyange, ne nsukkuluma ku Bayudaaya bannange be nakula nabo, era nagezaako nnyo nga bwe nasobola okugoberera empisa zonna ez'edda ez'amateeka g'eddiini yange.
15 Naye Katonda bwe yasiima, eyanjawula okuva mu lubuto lwa mmange, n'ampita olw'ekisa kye,
16 n'ambikkulira Omwana we ndyoke ŋŋende eri Abaamawanga mbabuulire Enjiri era sseebuuza ku muntu n'omu,
17 newaakubadde okwambuka e Yerusaalemi okwebuuza ku batume, naye nagenda mu Buwalabu era oluvannyuma ne nkomawo e Damasiko.
18 Awo bwe waayitawo emyaka esatu ne ŋŋenda e Yerusaalemi okulaba Keefa ne mmala naye ennaku kkumi na ttaano.
19 Naye ssaalaba mutume mulala wabula Yakobo muganda wa Mukama waffe.
20 Noolwekyo bye mbawandiikira, si bya bulimba mu maaso ga Katonda.
21 Bwe navaayo ne ndaga mu bitundu eby'e Siriya n'eby'e Kirukiya.

22 Era ekkanisa za Kristo mu Buyudaaya zaali tezinnategeera bwe
nfaanana.
23 Naye nga bamanyi nti, “Eyatuyigganyanga, kaakano abuulira okukki-
riza kwe yagezaako okuzikiriza.”
24 Era ne bagulumiza Katonda ku lwange.

# 2

*Pawulo Ayanirizibwa Abatume*

1 Bwe waayitawo emyaka kkumi n’ena ne nzirayo ne Balunabba ne Tito
e Yerusaalemi.
2 Nagendayo olw’okubikulirwa kwe nafuna, ne mbanjulira Enjiri gye
mbuulira Abaamawanga. Nayogera n’abakulembeze b’Ekkanisa mu
kyama balyoke bategeere bye njigiriza, si kulwa nga nteganira bwereere,
ne bakkiriza nti bituufu.
3 Tito gwe nnali naye ne batamuwaliriza kukomolebwa, newaakubadde
nga yali munnaggwanga.
4 Naye olw’abooluganda ab’obulimba abaayingizibwa mu kyama
okuketta eddembe lye tulina mu Kristo Yesu, balyoke batufuule abaddu,
5 abo tetwababawuliriza essaawa n’emu, amazima g’enjiri galyoke geey-
ongerenga mu mmwe.
6 Naye abo abaabalibwa ng’okuba ekintu eky’omuwendo, abataaliko
bwe baali gye ndi kubanga Katonda tasosola mu bantu, nze gye ndi
tebalina kye bannyongerako,
7 naye mu ngeri endala bwe baalaba nga nateresebwa Enjiri ey’abatali
bakomole, nga Peetero bwe yateresebwa ey’abakomole,
8 oyo eyakolera mu Peetero olw’obutume bw’abakomole, ye yakolera ne
mu nze ku lw’Abaamawanga.
9 Yakobo ne Keefa* ne Yokaana abaalabikanga ng’empagi bwe baalaba
ekisa ekya mpeebwa, ne batukwata mu ngalo eza ddyo nze ne Balunabba
nga bassa kimu naffe nti ffe tubeere mu Bamawanga, naye bo babeere mu
b’abakomole.
10 Kye baatusaba kyokka tujjukirenga abaavu, ate ng’ekyo kye nnali
nesunga okukola.

*Pawulo Anenya Peetero*

11 Naye Peetero ate era nga ye Keefa, bwe yajja mu Antiyokiya ne
mmunenya mu lwatu kubanga yali mukyamu.
12 Kubanga abaava eri Yakobo bwe baali tebannajja, yalyanga
n’Abamawanga, naye bwe bajja n’atandika okubeeyawulako ng’atya
abakomole.
13 Abayudaaya abalala bonna ne bamwegattako mu bukuusa, ekyo ne
kireetera ne Balunabba okusendebwasendebwa obukuusa bwabwe.
14 Naye bwe nalaba nga tebatambula bulungi ng’amazima g’enjiri
bwe gali, ne ŋŋamba Keefa mu maaso gaabwe bonna nti, “Obanga
ggwe Omuyudaaya ogoberera empisa z’Abamawanga ezitali za Kiyudaaya,
owaliriza otya Abaamawanga okugobereranga empisa z’Ekiyudaaya?”
15 Ffe mu buzaaliranwa tuli Bayudaaya so si Bamawanga aboonoonyi.
16 Kyokka tukimanyi bulungi nti omuntu taweebwa butuukirivu lwa
kugondera mateeka, wabula abufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo, era
naffe kyetwava tukkiriza Yesu Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu

* **2:9** Keefa ye Simooni Peetero

olw'okumukkiriza so si lwa kugondera mateeka. Kubanga tewali n'omu
aliweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa eby'amateeka.
17 Naye oba nga bwe twanoonya okuweebwa obutuukirivu mu Kristo
twasangibwa okuba aboonoonyi, kitegeeza nti Kristo muweereza wa kibi?
Kikafuuwe.
18 Kubanga bwe nzimba nate bye nazikiriza, nneeraga nzekka okuba
omwonoonyi.
19 Kubanga olw'amateeka nnafa eri mateeka, ndyoke mbeere omulamu
mu Katonda. Nakomererwa wamu ne Kristo;
20 kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu
nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza
Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange.
21 Ssidibya kisa kya Katonda; naye oba nga obutuukirivu buva mu
mateeka, nga Kristo yafiira bwereere.

# 3

*Kukkiriza oba Kukuuma Mateeka*

1 Mmwe Abaggalatiya abatalina magezi ani eyabaloga, so nga na-
bannyonnyola bulungi Yesu Kristo eyakomererwa ku musaalaba ne
mukitegeera?
2 Kino kyokka kye njagala muntegeeze; mwaweebwa Mwoyo lwa
bikolwa eby'amateeka, nantiki lwa kuwulira kwa kukkiriza?
3 Muyinza mutya obutaba na magezi kutuuka awo, abaatandikira mu
Mwoyo, kaakano mutuukirizibwa mu mubiri?
4 Okubonaabona kwonna kwe mwabonaabona kwali kwa bwereere?
Bwe kuba nga ddala kwa bwereere.
5 Abawa Omwoyo n'abawa n'okukola eby'amaanyi mu mmwe, akola lwa
bikolwa by'amateeka oba lwa kuwulira olw'okukkiriza?
6 Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.
7 Kale mumanye nti abo abakkiriza be baana ba Ibulayimu.
8 Olw'okuba nga baategeera ebiribaawo n'ekyawandiikibwa,
ng'olw'okukkiriza, Katonda aliwa amawanga obutuukirivu, Enjiri
kyeyava ebuulirwa Ibulayimu edda nti, "Mu ggwe amawanga gonna
mwe galiweerwa omukisa."
9 Noolwekyo abo abakkiriza bagabanira wamu omukisa ne Ibulayimu
eyakkiriza.
10 Naye abo abafugibwa ebikolwa eby'amateeka, bafugibwa kikolimo;
kubanga kyawandiikibwa nti, "Buli ataagoberererenga byonna ebiwandi-
ikiddwa mu kitabo ky'amateeka, akolimiddwa."
11 Kimanyiddwa bulungi nti tewali n'omu Katonda gw'awa butuukirivu
olw'okukuuma amateeka, kubanga abatuukirivu banaabeeranga balamu
lwa kukkiriza,
12 naye amateeka tegeesigama ku kukkiriza, naye anaagagobereranga
anaabeeranga mulamu mu go.
13 Kristo yatununula okuva mu kikolimo ky'amateeka, bwe yafuuka
ekikolimo ku lwaffe, kubanga kyawandiikibwa nti, "Akolimiddwa buli
awanikiddwa ku muti."
14 Kale kaakano amawanga gaweebwe omukisa gwa Ibulayimu,
mu Kristo Yesu, tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo
olw'okukkiriza.

*Etteeka n'Ekisuubizo*

15 Abooluganda njogera mu buntu; endagaano bw'eba ng'ekakasibbwa,
tewabaawo agiggyawo newaakubadde agyongerako.
16 Katonda yasuubiza Ibulayimu n'Omwana we, naye tekigamba nti
n'abaana be ng'abangi, naye yayogera ku omu, oyo ye Kristo.
17 Kye ŋŋamba kye kino: endagaano eyakakasibwa Katonda nga
wayiseewo emyaka ebikumi bina mu asatu n'efuuka etteeka, teyadibya
ekyo ekyasuubizibwa.
18 Kuba oba ng'obusika bwesigamye ku mateeka, buba tebukyali bwa
kisuubizo; naye yabuwa Ibulayimu olw'okusuubiza.
19 Kale lwaki amateeka gaateekebwawo? Gaagattibwa ku kisuubizo
olw'aboonoonyi okutuusa ezzadde eryasuubizibwa lwe lirikomawo, nga
lyawulibbwa mu bamalayika olw'omukono gw'omutabaganya.
20 Naye omutabaganya si w'omu, naye Katonda ali omu.
21 Amateeka galwanagana n'ebyo Katonda bye yasuubiza? Kikafuuwe.
Kubanga singa amateeka gaali galeeta obulamu, ddala ddala amateeka
gandituwadde obutuukirivu.
22 Naye ebyawandiikibwa bitegeeza nti ebintu byonna bifugibwa kibi,
ekyasuubizibwa kiryoke kiweebwe abakkiriza olw'okukkiriza mu Yesu
Kristo.
23 Naye okukkiriza nga tekunnajja, twafugibwanga mateeka, nga tusi-
bibwa olw'okukkiriza okugenda okubikkulwa;
24 ge gaali gatukuuma, amateeka galyoke gatutuuse eri Kristo, tulyoke
tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza.
25 Naye okukkiriza bwe kwajja, ng'olwo tetukyetaaga mateeka kutuku-
uma.

### *Baana ba Katonda*

26 Kubanga kaakano mwenna muli baana ba Katonda olw'okukkiriza
Yesu Kristo,
27 kubanga abaabatizibwa bonna mu Kristo, baayambala Kristo.
28 Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa
muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna
muli omu mu Kristo Yesu.
29 Kale kaakano nga bwe muli aba Kristo, muli zadde lya Ibulayimu,
ng'ekisuubizo ky'abasika bwe kiri.

## 4

1 Naye ŋŋamba nti omusika bw'aba ng'akyali mwana muto, tayawulwa
na muddu, newaakubadde nga ye mukama wa byonna.
2 Afugibwa abasigire n'abawanika okutuusa lw'akula n'atuuka ku kigero
kitaawe, kye yategeka.
3 Era naffe bwe tutyo bwe twali tukyali bato, twafugibwanga obulom-
bolombo obw'ensi.
4 Naye ekiseera bwe kyatuuka, Katonda n'atuma Omwana we
5 eyazaalibwa omukazi ng'afugibwa amateeka, tulyoke tufuuke abaana.
6 Era kubanga tuli baana, Katonda yatuma Omwoyo w'Omwana we
okubeera mu mitima gyaffe, era kaakano tuyinza okwogera mu ddoboozi
ery'omwanguka nti, "*Aba,* Kitaffe."
7 Kale kaakano tokyali muddu, wabula oli mwana; era nga bw'oli
omwana oli musika ku bwa Katonda.

### *Pawulo Alowooza ku Baggalatiya*

8 Mmwe bwe mwali temunnamanya Katonda mwabanga baddu ba bitali
Katonda.
9 Naye kaakano mutegedde Katonda era naye abategedde, kale muyinza
mutya okukyuka, ne mugoberera obulombolombo obunafu obutalina
maanyi ne mwagala okufuuka abaddu baabwo?
10 Mukwata ennaku, n'emyezi, n'ebiro, n'emyaka;
11 neeraliikirira si kulwa ng'omulimu omunene gwe nakola mu mmwe
gwali gwa bwereere.
12 Abooluganda, mbeegayirira mubeere nga nze, kubanga nange ndi nga
mmwe. Temulina kabi ke mwankola;
13 era mumanyi nga mu bunafu obw'omubiri, mmwe be nasooka
okubuulira Enjiri.
14 Naye newaakubadde nga mwandinnyomye olw'obulwadde bwange,
temwangobaganya, wabula mwansembeza nga malayika wa Katonda, nga
Yesu Kristo.
15 Kale essanyu lyammwe lyadda wa? Kubanga ndi mujulirwa wammwe
nti, mwali musobola okuggyamu amaaso gammwe ne mugampa okun-
nyamba singa kyali kyetaagisa.
16 Kale kaakano nfuuse omulabe wammwe olw'okubategeeza amazima?
17 Abo abalabika ng'abaabassaako ennyo omwoyo tebabaagaliza
birungi, okuggyako okwagala okubaggalira ebweru, mulyoke mudde ku
luuyi lwabwe.
18 Naye kirungi okunyiikiranga okukola ebirungi bulijjo, naye si lwe
mbeera nammwe lwokka.
19 Baana bange be nnumirwa nate ng'alumwa okuzaala, okutuusa Kristo
lw'alibumbibwa mu mmwe,
20 nandyagadde okubeera nammwe kaakano, n'okukyusa eddoboozi
lyange kubanga ndi mweraliikirivu ku lwammwe.

### *Agali ne Saala*

21 Mumbulire, mmwe abaagala okufugibwa amateeka, lwaki temuwulira
mateeka?
22 Kubanga kyawandiikibwa nti Ibulayimu yazaala abaana babiri
aboobulenzi, omu yamuzaala mu mukazi omuddu, n'omulala n'amuzaala
mu mukazi ow'eddembe.
23 Omwana ow'omukazi omuddu yazaalibwa nga wa mubiri, naye
omwana ow'omukazi ow'eddembe yazaalibwa lwa kusuubiza.
24 Ebyo biri nga bya lugero; kubanga ezo ndagaano bbiri. Emu yava ku
Lusozi Sinaayi, ye yazaala abaana ab'obuddu, ye yava mu Agali.
25 Agali lwe Lusozi Sinaayi oluli mu Buwalabu, era afaananyirizibwa ne
Yerusaalemi eya kaakano kubanga ye ne bazzukulu be bali mu buddu.
26 Naye Yerusaalemi eky'omu ggulu ye mukazi ow'eddembe, era ye
nnyaffe.
27 Kubanga kyawandiikibwa nti,
"Sanyuka
ggwe omugumba atazaala.
Leekaanira waggulu mu ddoboozi ery'omwanguka
newaakubadde nga tozaalanga ku mwana.
Kubanga ndikuwa abaana bangi,
abaana abangi okusinga omukazi alina omusajja b'alina."
28 Naye mmwe abooluganda muli baana abaasuubizibwa, nga Isaaka
bwe yali.

29 Naye mu biro biri ng'eyazaalibwa omubiri bwe yayigganya oyo eyazaalibwa Omwoyo, ne kaakano bwe kiri.
30 Naye Ebyawandiikibwa bigamba bitya? Bigamba nti, "Goba omukazi omuddu n'omwana we, kubanga omwana w'omukazi omuddu talisikira wamu n'omwana w'omukazi ow'eddembe."
31 Noolwekyo abooluganda tetuli baana ba mukazi omuddu naye tuli baana ab'omukazi ow'eddembe.

# 5

*Eddembe mu Kristo*

1 Kale nga Kristo bwe yatufuula ab'eddembe, bwe mutyo munywerere mu ddembe eryo muleme kusibwa nate mu kikoligo ky'obuddu.
2 Ka mbategeeze nze Pawulo: Bwe mukomolebwa, nga Kristo taliiko ky'abagasa.
3 Era nziramu okutegeeza buli muntu akomolebwa nti alina ebbanja okutuukiriza amateeka gonna.
4 Mwava mu Kristo mmwe abanoonya okufuna obutuukirivu olw'amateeka. Mwava mu kisa.
5 Kubanga ffe, ffe ku bw'Omwoyo olw'okukkiriza tulindirira n'essuubi obutuukirivu.
6 Kubanga mu Kristo Yesu, okukomolebwa oba obutakomolebwa, tekulina maanyi, wabula okukkiriza kukola olw'okwagala.
7 Mwali mutambula bulungi. Ani eyabasendasenda n'abaggya ku kugondera amazima?
8 Okusendebwasendebwa okwo, si kw'oyo eyabayita.
9 Ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna.
10 Mbeesiga mu Mukama waffe nga temujja kulowooza kintu kirala kyonna. Naye oyo abateganya alisalirwa omusango ne bw'aliba ani.
11 Naye nze abooluganda, oba nga nkyayigiriza okukomolebwa, lwaki njigganyizibwa? Kale enkonge ey'omusaalaba evuddewo.
12 Nnandyagadde abo abaabateganya beeraawe.

*Obulamu bw'Omwoyo*

13 Kubanga mmwe abooluganda mwayitibwa lwa ddembe, noolwekyo eddembe teribawa bbeetu kugoberera bya mubiri. Naye olw'okwagala buli omu abeerenga muweereza wa munne.
14 Kubanga amateeka gonna gatuukirizibwa mu tteeka lino nti: "Yagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka."
15 Naye obanga muneneŋŋana mwegendereze muleme okwezikiriza.
16 Mbagamba nti, mutambulirenga mu Mwoyo, mu ngeri yonna, mulemenga kutuukiriza kwegomba kwa mubiri.
17 Kubanga okwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo n'alwanagana n'omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala.
18 Naye bwe muluŋŋamizibwa Omwoyo, olwo nga temukyafugibwa mateeka.
19 Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu,
20 Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula, okwesalamu,

21 ettima, obutamiivu, ebinyumu, n’ebirala ebiri ng’ebyo. Ka mbat-
egeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina
mugabo mu bwakabaka bwa Katonda.
22 Naye ebibala eby’Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe,
obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa,
23 obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya.
24 N’abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri n’okwegomba kwagwo,
n’omululu gwagwo.
25 Kale bwe tuba abalamu ku bw’Omwoyo, tugobererenga oku-
luŋŋamizibwa kw’Omwoyo.
26 Tulemenga okwemanya, n’okunyizaganya, n’okukwatiragananga
obuggya.

# 6

1 Abooluganda omuntu bw’abanga alina ekibi ky’akoze, mmwe
ab’omwoyo mumuluŋŋamyenga mu buwombeefu nga mwegendereza si
kulwa nga nammwe mugwa mu kukemebwa.
2 Muyambaganenga, bwe mutyo bwe munaatuukirizanga etteeka lya
Kristo.
3 Kubanga omuntu yenna bwe yeerowooza okuba owa waggulu so nga
si bw’ali, yeerimbarimba.
4 Naye buli muntu yeekebere akakase omulimu ggwe, yenyumirize ye
yekka so si mu muntu omulala.
5 Kubanga buli muntu aneetikkanga obuvunaanyizibwa bwe.
6 Oyo ayigirizibwa ekigambo kya Katonda, agabanirenga wamu
n’amuyigiriza ku birungi byonna by’alina.
7 Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu
ky’asiga era ky’alikungula.
8 Kubanga oyo asiga eri omubiri gwe, alikungula ebiggwaawo. Naye oyo
asiga eri omwoyo, alikungula obulamu obutaggwaawo.
9 Kale tulemenga okuterebuka mu kukola obulungi, kubanga oluvan-
nyuma tulikungula emikisa, bwe tutaggwaamu maanyi.
10 Noolwekyo, buli lwe kinaabanga kisobose tukolerenga abantu bonna
ebirungi, na ddala ab’omu nnyumba ey’okukkiriza.

### *Si Kukomola Wabula Abantu Abaggya*

11 Mulabe, bwe nnabawandiikira n’omukono gwange mu nnukuta
ennene!
12 Abo abanoonya okweraga mu mubiri be babawaliriza okukomolebwa
mu mubiri, balemenga okuyigganyizibwanga olw’omusaalaba gwa Kristo,
balyoke beenyumirize olw’omubiri gwammwe.
13 Kubanga n’abo bennyini abakomolebwa tebakwata mateeka, naye
baagala mukomolebwe balyoke beenyumirize olw’omubiri gwammwe.
14 Naye nze sigenda kwenyumiririza mu kintu kyonna okuggyako
omusaalaba gwa Mukama waffe Yesu Kristo, kubanga olw’omusaalaba
ogwo, nkomereddwa eri ensi, n’ensi ekomereddwa eri nze.
15 Kubanga okukomolebwa oba obutakomolebwa si kintu, wabula
ekikulu kye kitonde ekiggya.
16 N’abo bonna abanaatambuliranga mu tteeka eryo, emirembe
gibeerenga ku bo, n’okusaasirwa, ne ku Isirayiri ya Katonda.

17 Okuva kaakano tewabanga muntu n'omu anteganya, kubanga nnina enkovu za Yesu ku mubiri gwange.

18 Abooluganda, ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe n'omwoyo gwammwe. Amiina.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Abaefeso

1 Nze Pawulo, omutume wa Kristo Yesu, olw'okwagala kwa Katonda, mpandiikira abatukuvu abali mu Efeso, era abakkiririza mu Kristo Yesu.

2 Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe.

*Emikisa mu Kristo*

3 Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo,
atuwadde mu Kristo buli mukisa gwonna ogw'omwoyo oguva mu ggulu.
4 Yatulonda okubeera mu Kristo ng'ensi tennatondebwa, ffe tube
batukuvu, abataliiko kya kunenyezebwa mu maaso ge, olw'okwagala kwe.
5 Olw'okwagala kwe, yatuteekateeka tubeere abaana be mu Yesu Kristo,
ng'okusiima kwe bwe kuli.
6 Katonda tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu Mwana,
gw'ayagala ennyo.
7 Mu oyo mwe tununulibwa olw'omusaayi gwe, ne tusonyiyibwa ebibi,
ng'obugagga bw'ekisa kye bwe buli,
8 kye yatuwa mu bungi mu magezi gonna ne mu kutegeera kwonna.
9 Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli
kwe yateekerateekera mu Kristo.
10 Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye
yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu
ggulu n'ebiri ku nsi.
11 Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka
bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala
kwe;
12 ffe Abayudaaya tulyoke tumuleetere okugulumizibwa, ffe abaasooka
okuba n'essuubi mu Kristo.
13 Nammwe, Kristo yabaleeta eri amazima, kye kigambo ky'Enjiri
ey'okulokolebwa kwammwe. Bwe mwamukkiriza, ne muteekebwako
envumbo eya Mwoyo Mutukuvu eyasuubizibwa,
14 gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa bw'alinunula abantu be,
ne Katonda n'agulumizibwa era n'atenderezebwa.

*Okusaba kwa Pawulo*

15 Noolwekyo okuva lwe nawulira okukkiriza kwe mulina mu Mukama
waffe Yesu, n'okwagala kwe mulina eri abantu ba Katonda bonna,
16 sirekangayo kwebaza Katonda ku lwammwe. Mbajjukira
17 ne mbasabira, Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe
ow'ekitiibwa, abawe Omwoyo ow'amagezi n'okubikkulirwa mweyongere
okumutegeera.
18 Nnyongera okubasabira, amaaso g'emitima gyammwe gamulisib-
wenga, mulyoke mumanye essuubi ly'okuyitibwa kwammwe, n'obugagga
obungi bwe mulina mu ye, mmwe awamu n'abantu ba Katonda bonna.
19 Njagala mutegeere amaanyi ge agasukkiridde agakolera mu ffe
abakkiriza, ng'okukola kw'obuyinza bw'amaanyi ge bwe kuli,

20 amaanyi ago ge yakozesa mu Kristo bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo waggulu mu ggulu.
21 Waggulu eyo, Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja.
22 Katonda atadde ebintu byonna wansi w'ebigere bye, n'afuula Kristo omutwe gw'ebintu byonna eby'ekkanisa,
23 era ekkanisa gwe mubiri gwe ye yennyini, mwatuukiririza ebintu byonna.

# 2

### *Okuggyibwa mu Kufa n'Okufuulibwa Abalamu*

1 Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe.
2 Ebyo bye mwatambulirangamu ng'emirembe egy'ensi bwe giri, nga mufugibwa omwoyo ogw'omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogwa Setaani, ogufuga abajeemu bonna.
3 Edda naffe twatambuliranga mu kwegomba kw'emibiri gyaffe, nga tukola ebyo ebyegombebwanga omubiri n'ebirowoozo. Era okufaanana ng'abantu abalala bonna, naffe mu buzaaliranwa twali baakubonerezebwa ng'abalala bonna.
4 Kyokka olw'okwagala kwe okungi, n'ekisa kye ekingi,
5 ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa.
6 Katonda yatuzuukiriza wamu ne Kristo okuva mu kufa ne tufuna obulamu, era atutuuzizza mu bifo eby'omu ggulu, okumpi ne Kristo Yesu.
7 Ekyo Katonda yakikola alyoke alage, mu mirembe egigenda okujja, ekisa kye ekingi kye yatukwatirwa mu Kristo Yesu.
8 Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda.
9 Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; noolwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.
10 Tuli mulimu gwa Katonda, abaatondebwa mu Kristo Yesu, okukolanga ebikolwa ebirungi, nga Katonda bwe yatuteekerateekera.
11 Noolwekyo mujjukire, ng'edda mmwe abaali Abaamawanga mu mubiri, abaayitibwanga abatali bakomole abo abeeyita abaakomolebwa, kyokka nga baakomolebwa mu mubiri na ngalo z'abantu,
12 nga mu biro biri temwamanya Kristo. Temwabalirwa mu ggwanga lya Isirayiri, era ng'Abaamawanga, temwalina mugabo mu ndagaano ya Katonda ey'ekisuubizo. Mwali wala ne Katonda, nga n'essuubi temulina.
13 Naye kaakano mu Kristo Yesu, mmwe abaali ewala mwasembezebwa olw'omusaayi gwa Kristo.
14 Kristo gy'emirembe gyaffe, oyo eyatufuula ffe Abayudaaya nammwe Abaamawanga, okuba omuntu omu, ng'amenyeewo ekisenge ekya wakati eky'obulabe, ekyatwawulanga.
15 Yadibya n'etteeka mu mateeka, alyoke yeetondemu omuntu omuggya ava mu babiri, ng'aleeta emirembe,
16 alyoke atabaganye ababiri okufuuka omubiri gumu eri Katonda olw'omusaalaba, bwe yazikiririza obulabe ku gwo.
17 Yajja okubuulira emirembe abo abaali ewala ne Katonda, n'abo abaali okumpi naye.

18 Ku bw'oyo Kristo ffenna tuyita mu Mwoyo omu okutuuka eri Kitaffe.
19 Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba
kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya
Katonda.
20 Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu
ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.
21 Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera
essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe.
22 Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo
ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera.

# 3

### *Omulimu gwa Pawulo mu Baamawanga*

1 Nze Pawulo, Kristo Yesu yanfuula omusibe we, nsobole okuyamba
mmwe Abaamawanga.
2 Mwawulira ekisa kya Katonda kye naweebwa okubayamba.
3 Nga bwe nasooka okubawandiikira mu bimpimpi, Katonda alina
okubikkulirwa okw'ekyama kwe yandaga.
4 Bwe munaasoma ebbaluwa eno mujja kusobola okutegeera ebyo bye
mmanyi ku kyama kya Kristo.
5 Mu biro eby'edda, tewali yali amanyi kyama ekyo okutuusa Omwoyo
wa Katonda bw'akibikkulidde abatume be abatukuvu ne bannabbi.
6 Kino kye kyama kye njogerako: olw'enjiri ya Kristo, Abaamawanga
balisikira wamu ne Isirayiri ekyo Katonda kye yasuubiza, era baliba
omubiri gumu, era ne bagabanira wamu ekisuubizo ekyo mu Kristo Yesu.
7 Nafuuka omuweereza w'enjiri eyo olw'ekirabo eky'ekisa kya Katonda
kye naweebwa, Katonda ng'akolera mu maanyi ge.
8 Newaakubadde nga nze nsembayo wansi mu batukuvu bonna,
naweebwa ekisa ekyo, okubuulira Abaamawanga emikisa egiri mu Kristo
egitageraageraganyizika.
9 Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu
okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.
10 Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke
eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga
nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.
11 Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe
bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye
yakola.
12 Kristo atuwa obuvumu n'obugumu, tulyoke tusembere mu maaso ga
Katonda olw'okukkiriza nga tetutya.
13 Kyenva mbeegayirira muleme kuterebuka olw'okubonaabona kwange
ku lwammwe, kubanga ekyo kibaleetera kitiibwa.

### *Okwagala kwa Kristo*

14 Nfukaamirira Kitaffe,
15 ebika byonna eby'omu ggulu n'eby'oku nsi mwe biggya obulamu.
16 Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga
era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we,
17 Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza
kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga
mukunywereddemu,

18 mulyoke mubeerenga n'amaanyi awamu n'abatukuvu bonna, oku-
sobola okutegeera obugazi, n'obuwanvu, n'obugulumivu n'okukka wansi
ebiri mu kwagala kwa Kristo.
19 Njagala mutegeere okwagala kwa Kristo okusukkiridde okutegeera
kwonna, mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda bw'ali.
20 Kaakano nsaba nti oyo akola ebintu byonna okusinga byonna bye
tusaba, ne bye tulowooza, ng'amaanyi ge bwe gali agakolera mu ffe,
21 agulumizibwenga mu Kkanisa ne mu Kristo Yesu, emirembe
n'emirembe. Amiina.

# 4

*Okuba ab'Omubiri Ogumu*

1 Ng'omusibe wa Mukama waffe, mbakuutira mubeere n'empisa
ezisaanira obulamu bwe mwayitirwa okutambuliramu.
2 Mubeerenga bakkakkamu, abawombeefu era abagumiikiriza, nga
mugumiikirizagana mu kwagala.
3 Munyiikirenga okukuuma obumu obw'Omwoyo mu kwegatta awamu
okw'emirembe.
4 Omubiri nga bwe guli ogumu, n'Omwoyo omu, n'essuubi liri limu
ery'okuyitibwa kwammwe.
5 Mukama waffe ali omu, n'okukkiriza kumu n'okubatizibwa kumu.
6 Katonda ali omu, era ye Kitaawe wa bonna, afuga byonna, akolera mu
byonna era abeera mu byonna.
7 Buli omu ku ffe yaweebwa ekisa ng'okugera kwa Kristo bwe kuli.
8 Ebyawandiikibwa kyebiva bigamba nti,
“Bwe yalinnya mu ggulu,
n'atwala omunyago,
n'awa abantu ebirabo.”
9 Okugamba nti “yalinnya,” kitegeeza ki? Kitegeeza nti yasooka kukka mu
bitundu ebya wansi w'ensi.
10 Oyo Kristo eyakka, ye wuuyo ddala eyalinnya ewala ennyo, n'ayisa
waggulu w'eggulu lyonna, alyoke ajjule obwengula bw'ensi yonna.
11 Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi,
n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala
okuba abayigiriza.
12 Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu
ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.
13 Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe
tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda
nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga
Kristo bw'ali.
14 Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga
tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga
ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera
enteekateeka ey'obulimba.
15 Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna,
nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa.
16 Mu ye omubiri gwonna mwe gugattirwa obulungi awamu, ne
guyungibwa mu buli nnyingo, nga gukola ng'ekigera kya buli kitundu bwe
kuli, nga gukula era nga gwezimba mu kwagala.

*Obulamu Obuggya mu Kristo*

17 Ng'omugoberezi wa Mukama waffe, mbalagira okulekeraawo oku-
tambula ng'abatamanyi Katonda bwe batambulira mu birowoozo byabwe
eby'obusirusiru.
18 Amagezi gaabwe gajjudde ekizikiza. Tebalina mugabo mu by'obulamu
bwa Katonda, kubanga bajjudde obutamanya era emitima gyabwe
mikakanyavu.
19 Tebakyalina nsonyi, beemalidde mu bya buwemu, na mululu gwa
kukola bya bugwenyufu ebya buli ngeri.
20 Kyokka mmwe si bwe mwayigirizibwa ku bya Kristo.
21 Obanga ddala mwamuwulira, era ne muyigirizibwa mu ye
ng'amazima bwe gali mu Yesu,
22 kale mwambulemu obulamu obw'omuntu ow'edda, avunda
olw'okwegomba okw'obulimba.
23 Mufuuke baggya olw'Omwoyo afuga ebirowoozo byammwe,
24 era mwambale omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya
Katonda mu butuukirivu ne mu kutukuzibwa okw'amazima.
25 Mulekeraawo okulimba, mwogerenga amazima buli muntu ne munne,
kubanga tuli bitundu bya mubiri gumu.
26 "Bwe musunguwalanga mwekuume muleme kwonoona." Temuz-
ibyanga budde nga mukyasunguwadde.
27 Temuwanga Setaani bbanga.
28 Abadde omubbi alekeraawo okubba, wabula anyiikirenga okukola
eby'omugaso ng'akola n'emikono gye, alyoke afune ky'agabirako n'abo
abeetaaga.
29 Mwekuume mulemenga okwogera ebigambo ebitasaana, wabula
mwogerenga ebyo byokka ebizimba nga buli muntu bwe yeetaaga, biryoke
bigase abo ababiwulira.
30 Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako
akabonero akalaga nga mwanunulibwa.
31 Okunyiiga, n'obusungu, n'obukambwe, n'okukaayana, n'okuvuma, na
buli kibi kyonna, biremenga kubeera mu mmwe.
32 Mubenga ba kisa, buli omu alumirwenga munne, era musonyiwa-
ganenga, nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.

# 5

*Okubeera mu Musana*

1 Mufubenga okufaananana Katonda kubanga muli baana ba Katonda
abaagalwa.
2 Mwagalanenga nga Kristo bwe yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe
n'afuuka ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda, eyakawoowo akalungi.
3 Nga bwe muli abantu ba Katonda abatukuvu, obwenzi, n'obugwagwa
bwonna, n'omululu bireme okuwulirwa mu mmwe.
4 Mwewale okwogera eby'ensonyi, n'eby'obusirusiru, n'okubalaata
ebitasaana. Mwebazenga bwebaza Katonda.
5 Mukimanye era mukitegeerere ddala nga buli mwenzi, oba omug-
wagwa, oba eyeegomba, aba asinza bakatonda abalala, talina mugabo mu
bwakabaka bwa Kristo ne Katonda.
6 Omuntu yenna tabalimbalimbanga n'ebigambo ebitaliimu. Katonda
abonereza buli muntu yenna amujeemera.
7 Noolwekyo temwegattanga n'abafaanana ng'abo.

8 Edda mwali ng'abantu ab'ekizikiza, naye kaakano muli bantu ba
musana mu Mukama waffe. Noolwekyo mutambulenga ng'abaana
ab'omusana,
9 ekitangaala kyammwe kirabisibwe. Mubale ebibala eby'omusana nga
mweyisa bulungi, nga mubeera abeesimbu era ab'amazima,
10 nga munoonya ekyo ekisanyusa Mukama waffe.
11 Temwenyigiranga mu bikolwa bya kizikiza kubanga tebigasa, wabula
munenyenga ababikola.
12 Kubanga kya nsonyi n'okubyogerako ebyo abajeemu bye bakolera mu
kyama.
13 Byonna bwe biryatuukirizibwa mu kitangaala, birirabikira ddala nga
bwe biri.
14 Ekitangaala kirabisa buli kintu. Kyekiva kigambibwa nti,
"Zuukuka ggwe eyeebase,
Ozuukire mu bafu,
Kristo anaakwakira."
15 Mutunule nga mutambula n'obwegendereza, si ng'abatalina magezi
wabula ng'abalina amagezi,
16 nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi.
17 Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala.
18 Ate temutamiiranga, kubanga mujja kweyonoona, wabula Omwoyo
ajjulenga mu bulamu bwammwe.
19 Bwe mukuŋŋananga muzimbaganenga mu Zabbuli ne mu nnyimba,
ne mu nnyimba ez'Omwoyo nga muyimbira Mukama era nga mumuyimu-
siza amaloboozi mu mutima gwammwe.
20 Bulijjo mwebazenga Katonda Kitaffe olwa byonna, mu linnya lya
Mukama waffe Yesu Kristo.

### *Abakazi ne ba Bbaabwe*

21 Mutyenga Kristo, nga muwuliragananga.
22 Abakazi, muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Mukama
waffe.
23 Omusajja gwe mutwe gw'omukazi, nga Kristo bw'ali omutwe
gw'Ekkanisa. Ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo, era ye yennyini ye
Mulokozi waagwo.
24 Kale ng'Ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bwe
basaana okuwuliranga ba bbaabwe mu byonna.
25 Nammwe abaami mwagalenga bakyala bammwe nga Kristo bwe
yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo.
26 Yaginaaza n'amazzi, n'agitukuza n'ekigambo kye,
27 alyoke yeefunire Ekkanisa ey'ekitiibwa, eteriiko bbala wadde
akamogo oba ekintu kyonna ekikyamu, wabula ebeere entukuvu,
etuukiridde.
28 N'abasajja bwe batyo bwe basaana okwagalanga bakazi baabwe, nga
bwe baagala emibiri gyabwe gyennyini. Ayagala mukazi we yeeyagala
yekka.
29 Tewali n'omu yali akyaye omubiri gwe, wabula aguliisa era agujjan-
jaba nga Kristo bw'ajjanjaba Ekkanisa ye,
30 kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe.
31 "Kale omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne
mukazi we, ne bafuuka omuntu omu."

32 Ekyama kino kikulu, kyokka nze ndowooza nti kyogera ku Kristo
n'Ekkanisa ye.
33 Kale, nammwe buli musajja ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala
yennyini, era n'omukazi assengamu bba ekitiibwa.

# 6

*Abazadde n'Abaana Baabwe*

1 Abaana, muwulirenga bazadde bammwe mu Mukama waffe, kubanga
bwe mukola mutyo, mukola kituufu.
2 "Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa," eryo lye tteeka erisooka
eririmu okusuubiza nti:
3 Bw'onoobanga obulungi, era n'owangaala ku nsi.
4 Nammwe abazadde, temunyigirizanga baana bammwe, wabula
mubakuze nga mubagunjula era nga mubayigiriza ebya Mukama waffe.

*Abaddu ne Bakama Baabwe*

5 Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omu mubiri nga mubatya
era nga mubawa ekitiibwa ng'omutima gwammwe mumalirivu, nga bwe
mwamalirira mu Kristo.
6 Ekyo temukikola lwa kulabibwa, abantu balyoke babasiime, wabula
mukolenga ng'abaddu ba Kristo nga mukola n'omutima gwammwe
gwonna, nga Katonda bw'ayagala.
7 Muweerezenga n'omutima omulungi ng'abakolera Mukama waffe so
si ng'abakolera abantu,
8 nga mumanyi ng'ekirungi kyonna omuntu ky'akola, oba muddu oba
wa ddembe, Mukama alimusasula empeera ennungi.
9 Era nammwe bakama b'abaddu, muyisenga bulungi abaddu bammwe
nga temubatiisatiisa, nga mumanyi nti Mukama waabwe, ye Mukama
wammwe, ali mu ggulu era ye tasosola mu bantu.

*Ebyokulwanyisa bya Katonda*

10 Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu
buyinza obw'amaanyi ge.
11 Mwambale ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole
okwolekera enkwe za Setaani.
12 Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa
abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi
egy'omu bifo ebya waggulu.
13 Noolwekyo mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda,
mulyoke musobole okwaŋŋanga omulabe ku lunaku olw'akabi, era bwe
mulimala okukola byonna, mulyoke musigale nga muli banywevu.
14 Muyimirire nga muli banywevu, ng'amazima lwe lukoba lwammwe
lwe mwesibye mu kiwato kyammwe, ate ng'obutuukirivu kye ky'omu
kifuba,
15 nga mwambadde n'engatto mu bigere byammwe nga mugenda
okubuulira Enjiri ey'emirembe.
16 Era ku ebyo byonna okukkiriza kwammwe kubeerenga engabo
eneebasobozesanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obulasibwa
omubi.
17 Obulokozi bubafuukire enkuufiira gye mwambadde, n'ekigambo kya
Katonda kibabeerere ekitala eky'Omwoyo,

18 nga musabiririranga mu ssaala zonna nga mwegayiririranga mu
mwoyo buli kiseera. Mwekuumenga nga mugumiikirizanga, era nga
mwegayiririranga abatukuvu, be bantu bonna aba Katonda.
19 Era nange munsabirenga bwe nnaabanga njogera mpeebwe
eby'okwogera, era mbyogerenga n'obuvumu nga ntegeeza abantu ekyama
ky'Enjiri.
20 Ndi mubaka wa Njiri ali mu njegere. Munsabire ndyoke ngibuulire
abantu n'obuvumu nga bwe kinsaanira.

21 Tukiko, owooluganda omwagalwa era omuweereza omwesigwa mu
Mukama waffe, alibategeeza byonna mulyoke mutegeere ebinfaako ne bye
nkola.
22 Mmutumye gye muli, mulyoke mumanye nga bwe tuli era abagumye
emitima gyammwe.

23 Emirembe n'okwagala awamu n'okukkiriza ebiva eri Katonda Kitaffe
ne Mukama waffe Yesu Kristo, bibeerenga n'abooluganda.

24 Ekisa kya Katonda kibeerenga n'abo bonna abaagala Mukama waffe
Yesu Kristo n'okwagala okutaggwaawo.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri
# Abafiripi

### *Okulamusa*

1 Nze Pawulo ne Timoseewo abaddu ba Kristo Yesu tuwandiikira
abatukuvu bonna mu Kristo Yesu abali mu Firipi, awamu n'abalabirizi
n'abadiikoni;
2 ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu
Kristo, bibeerenga nammwe.

### *Okwebaza n'Okusaba Katonda*

3 Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira,
4 era buli lwe mbasabira mwenna nsaba nga nzijudde essanyu.
5 Kubanga okuviira ddala ku lunaku olwasooka n'okutuusiza ddala
kaakano mwetaba wamu nange mu njiri.
6 Nkakasiza ddala nti oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe,
aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Kristo Yesu.
7 Kino kituufu okubalowoozaako bwe ntyo mwenna, kubanga
mundowoozaako mu kusibibwa kwange ne mu kulwanirira Enjiri, ne mu
kuginyweza, nga mwenna mwetaba wamu nange mu kisa.
8 Katonda ye mujulirwa wange nga mwenna bwe mbaagala n'okwagala
okuva eri Kristo Yesu.
9 Mbasabira nti okwagala kwammwe kweyongerenga, era mujjule
amagezi n'okutegeera,
10 mulyoke mulonde ekisinga obulungi, olunaku lwa Kristo bwe luli-
tuuka lubasange nga muli balongoofu abataliiko kamogo,
11 nga mujjudde ekibala eky'obutuukirivu ku bwa Yesu Kristo,
olw'okuweesa Katonda ekitiibwa n'okumutendereza.

### *Obusibe bwa Pawulo Bubunyisa Njiri*

12 Abooluganda, njagala mmwe mutegeere kaakano nti ebimu ebyam-
baako byongera bwongezi kubunyisa Njiri,
13 n'okusibibwa kwange kulyoke kulabise Kristo eri olusiisira lwonna
olw'abaserikale ba kabaka n'eri abalala bonna.
14 N'abooluganda mu Mukama waffe abasinga obungi beeyongedde
okuguma olw'okusibibwa kwange, era nga bamaliridde okwaŋŋanga
okubuulira nga tebatya.
15 Weewaawo abamu bategeeza abantu Kristo lwa buggya na kuvu-
ganya, naye abalala bakikola mu mwoyo mulungi.
16 Bano bakikola lwa kwagala, kubanga bamanyi nga nalondebwa lwa
kulwanirira Njiri.
17 Naye bali bategeeza Kristo lwa kuvuganya, so si mu mazima, nga
balowooza nti banaayongera okunnakuwaza mu busibe bwe ndimu.
18 Naye nze nfaayo ki? Kristo bw'abuulirwa, mu buli ngeri, oba za
bukuusa oba za mazima, nze nsanyuka busanyusi.
Era nzija kweyongera okusanyuka.
19 Kubanga mmanyi nti olw'okunsabira n'olw'amaanyi g'Omwoyo wa
Yesu Kristo, ndifuna okulokolebwa kwange.

20 Neesiga era nsubirira ddala nti sijja kuswala mu nsonga n'emu,
wabula ne kaakano nzija kuguma nga bulijjo, Kristo agulumizibwe mu
mubiri gwange, oba okuyita mu bulamu oba okuyita mu kufa.
21 Nze mba mulamu lwa Kristo era ne bwe nfa mba ngobolodde.
22 Naye obanga bwe mba omulamu mu mubiri ng'ekyo kibala
ky'okufuba kwange, simanyi kye nnaalondawo.
23 Nkwatiddwa buli luuyi; nneegomba okuva mu bulamu buno ŋŋende
mbeere ne Kristo, kubanga ekyo kisingako obulungi.
24 Naye okusigala mu mubiri kye kisinga okwetaagibwa ku lwammwe
25 Ekyo nkikakasa era nkimanyi nti nzija kuba nga nkyaliwo mbeere
nammwe, mulyoke mweyongere okusanyuka n'okukula mu kukkiriza,
26 bwe ndikomawo gye muli mulyoke mweyongere okwenyumiririza mu
Kristo ku lwange.
27 Naye kirungi obulamu bwammwe bubeerenga nga bwe kisaanira
Enjiri ya Kristo; ne bwe ndijja oba ne bwe sirijja kubalaba, mpulire
nti muli banywevu era mwegasse mu mwoyo gumu, nga mulwanirira
okukkiriza okw'enjiri n'emmeeme emu.
28 Temutyanga abo ababawakanya kubanga ke kabonero akakakasa nti
balizikirizibwa, naye mmwe mulirokolebwa, era ekyo kiva eri Katonda.
29 Kubanga mwaweebwa omukisa, ku lwa Kristo, si mu kumukkiriza
kyokka, naye n'okubonaabona ku lulwe.
30 Olutalo lwe mwalaba nga nnwana, era lwe muwulira lwe ndiko
kaakano, nammwe lwe muliko.

# 2

*Mulabire ku Kristo*

1 Kale bwe wabaawo okubazaamu endasi kwonna mu Kristo, oba
okusanyusa kwonna okw'okwagala, oba okussa ekimu mu mwoyo, oba
okwagala okw'engeri yonna, oba okusaasira,
2 mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwa-
gala, n'omwoyo gumu, nga mulowooza bumu,
3 nga temukola kintu na kimu olw'okuvuganya wadde okwewaana
okutaliimu, wabula mu bwetoowaze nga buli muntu agulumiza munne
okusinga bwe mwegulumiza mwekka,
4 nga buli muntu tatunuulira bibye yekka, naye ng'afaayo ne ku
by'abalala.
5 Mubengamu endowooza eri eyali mu Kristo Yesu,

6 ye newaakubadde nga yali mu kifaananyi kya Katonda,
Teyeerowooza kwenkanankana ne Katonda,
7 wabula yeewaayo n'afuuka ng'omuddu,
era n'azaalibwa ng'omuntu,
era n'alabikira mu kifaananyi ky'omuntu,
8 ne yeetoowaza,
n'aba muwulize n'okutuukira ddala ku kufa,
ate okufa okw'okukomererwa ku musaalaba.

9 Katonda kyeyava amugulumiza,
n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;
10 buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi,
era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,
11 era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama,

Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.

*Okwakira Ensi*

12 Noolwekyo abaagalwa, nga bwe muli abawulize bulijjo nga ndi
nammwe, kaakano nga bwe siri nammwe mube bawulize nnyo n'okusinga
bwe mwali. Munyiikirenga okukola ebiraga nti mwalokolebwa, nga mutya
era nga mukankana.
13 Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa
okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa.
14 Buli kye mukola mukikolenga awatali kwemulugunya wadde empaka,
15 mulyoke mube nga temuliiko kyakunenyezebwa nga muli balongoofu,
mube abaana ba Katonda abatalina bbala, wakati mu mulembe ogwakyama era omwonoonefu, mwe mubeere ekyokulabirako eky'amaanyi
mu nsi,
16 nga munyweza ekigambo ky'obulamu gye bali, ndyoke mbeere
n'eky'okwenyumiriza ku lunaku lwa Kristo, okulaga nti ssaddukira
bwereere so ssaateganira busa.
17 Naye singa ddala nfukibwa ng'ekiweebwayo ekyokunywa ku ssaddaaka ne ku kuweereza okw'obwakabona okw'okukkiriza kwammwe,
nsanyukira wamu nammwe mwenna.
18 Era nammwe musanyukire wamu nange.

*Timoseewo ne Epafuladito*

19 Mukama waffe Yesu bw'alisiima nsuubira okubatumira mangu
Timoseewo, ndyoke ntereere omwoyo nga ntegedde ebibafaako.
20 Kubanga tewali mulala alina ndowooza nga yange,
21 kubanga abalala bonna beenoonyeza byabwe ku bwabwe, so si ebya
Yesu Kristo.
22 Naye ye Timoseewo mumumanyi nga bw'asaanira, kubanga aweerereza wamu nange, ng'omwana bw'akolera awamu ne kitaawe nga tukola
omulimu gw'okubuulira Enjiri.
23 Kale oyo gwe nsuubira okubatumira amangu ddala nga naakamanya
nga bwe nnaabeera.
24 Naye nkakasa nti Mukama waffe bw'alisiima, nange nze kennyini
sirimala bbanga ddene nga sinnajja eyo.
25 Era ndabye nga kisaanye okubatumira owooluganda Epafuladito
mukozi munnange, era mulwanyi munnange, naye ate nga mutume
wammwe, omuweereza ow'eby'obwakabona ow'eby'etaago byange,
26 ayagala ennyo okubalaba, mwenna, eyeeraliikirira ennyo
olw'obutabalaba, kubanga mwawulira nga yalwala.
27 Ddala yalwala era yali kumpi n'okufa. Kyokka Katonda yamusaasira, naye era teyasaasira ye yekka, wabula nange yansaasira
ennaku n'eteenneeyongera.
28 Noolwekyo nayagala nnyo okumutuma gye muli mulyoke musanyuke
okumulaba nate, ekyo kikendeeze ku nnaku gye nnina.
29 Kale mumwanirize nnyo n'essanyu lyonna mu Mukama waffe, era
abantu abali ng'oyo mubassangamu ekitiibwa,
30 kubanga yabulako katono okufa ng'ali ku mulimu gwa Kristo, ng'akola
ebyo bye mwandinkoledde singa mwali nange.

# 3

*Obutuukirivu obwa Nnama Ddala*

1 Ebisigaddeyo, baganda bange, musanyukirenga mu Mukama waffe.
Okuddamu ebyo bye nnabawandiikira edda tekunkooya kubanga ky-
ongera kubanyweza.
2 Mwekuumenga embwa, era mwekuumenga ab'empisa embi, era
mwekuumenga abakomola omubiri.
3 Kubanga ffe bakomole, abasinza Katonda ng'Omwoyo
bw'atuluŋŋamya, era twenyumiririza mu Kristo Yesu so tetwesiga mubiri.
4 Ne bwe kwandibadde okwesiga omubiri, omuntu omulala yenna
bw'alowooza okuba n'obwesige mu mubiri, nze musinga.
5 Kubanga nze nakomolebwa ku lunaku olw'omunaana. Ndi Muy-
isirayiri, ow'omu kika kya Benyamini, Omwebbulaniya wawu, era mu
mateeka ndi Mufalisaayo,
6 eyanyiikira okuyigganya ekkanisa, eyali omutuukirivu mu mateeka,
nga siriiko kya kunenyezebwa.
7 Naye ebyo byonna ebyali omugabo gye ndi, nabiraba nga butaliimu.
8 Naye okusinga byonna, byonna mbiraba ng'okufiirwa, kubanga
okutegeera Kristo Yesu Mukama wange, kusinga ebirala byonna. Olwa
Kristo nafiirwa ebintu byonna, era mbiraba ng'ebisasiro, ndyoke ngob-
olole Kristo,
9 ndabikire mu ye nga sirina butuukirivu bwange ku bwange obuva mu
kukwata amateeka, wabula nga nnina obutuukirivu obuva mu kukkiriza
Kristo, era obuva eri Katonda obwesigamye ku kukkiriza.
10 Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu
kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe,
11 nga nsuubira nga nange ndizuukira.
12 Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze okutuukirira, wabula
nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfune.
13 Abooluganda, mmanyi nti sinnakifuna, naye kye nkola kwe kwerabira
ebyo ebiri emabega ne nduubirira ebyo ebiri mu maaso.
14 Nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa
Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu.
15 Noolwekyo ffe ffenna abatuukiridde ekyo kye tusaana oku-
lowoozanga, naye obanga mulowooza bulala, na kino Katonda alik-
ibabikkulira.
16 Naye ka tunywerere ku ekyo kye tutuuseeko.
17 Kale, abooluganda, mwegatte n'abo abangoberera era mugobererenga
abo abatambulira mu ebyo bye twabalaga.
18 Ekyo newaakubadde nkibabuulidde emirundi emingi, nkiddamu nga
nkaaba n'amaziga, nti waliwo abalabe b'omusaalaba gwa Kristo,
19 era ekibalindiridde kwe kuzikirira, kubanga okulya kubafuukidde
katonda waabwe, ebyo ebyandibakwasizza ensonyi kye kitiibwa kyabwe
era balowooza bintu bya mu nsi.
20 Kyokka ffe obutaka bwaffe buli mu ggulu, era Omulokozi, Mukama
waffe Yesu Kristo, gye tumulindirira okuva.
21 Kale bw'alijja emibiri gyaffe gino eminafu egifa aligifuula ng'ogugwe
ogw'ekitiibwa, ng'akozesa amaanyi okussa ebintu byonna mu buyinza
bwe.

## 4

*Okuyigiriza*

1 Kale, baganda bange abaagalwa, era be nnumirirwa omwoyo, mmwe
ssanyu lyange era mmwe ngule yange; noolwekyo abaagalwa, muyimirire
mu Mukama waffe.
2 Ewudiya ne Sintuke mbeegayirira mukkiriziganye mu Mukama waffe.
3 Era ggwe mukozi munnange, nkusaba oyambenga abakazi abo,
kubanga baakolera wamu nange omulimu gw'okubunyisa Enjiri. Abo
awamu ne Kerementi, era ne bakozi bannange abalala, amannya gaabwe
gawandiikiddwa mu kitabo ky'obulamu.
4 Musanyukirenga mu Mukama waffe bulijjo. Nziramu okubagamba nti
musanyukenga.
5 Era mubeere n'okuzibiikiriza eri abantu bonna. Mukama waffe, ali
kumpi.
6 Temweraliikiriranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu
kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga
Katonda bye mwetaaga.
7 N'emirembe gya Katonda, egisukkiridde okutegeera kwammwe gi-
naabakuumanga amagezi gammwe n'emitima gyammwe mu Kristo Yesu.
8 Eky'enkomerero, abooluganda, mulowoozenga ku buli kya mazima,
na buli ekisiimibwa na buli kya butuukirivu, na buli kirongoofu, na buli
kyagalibwa, na buli kyogerwako obulungi, era bwe wabangawo ekirungi
oba bwe wabangawo ettendo, ebyo mubirowoozengako.
9 Ebyo bye mwayiga, n'ebyo bye mwafuna ne muwulira, ebyo mu-
birowoozengako.

### *Okwebaza*

10 Nasanyuka nnyo mu Mukama waffe, kubanga kaakano oluvannyuma
lw'ebbanga muzzeemu okundowoozaako buggya, kubanga mwali mun-
zisaako nnyo omwoyo, naye temwalina mukisa ku kiraga.
11 Soogera kino olwokubanga Ndiko kye nneetaaga, kubanga mu buli
mbeera gye mbaamu nayiga okumalibwanga.
12 Mmanyi okubeera nga sirina kantu, era mmanyi okuba nga nnina
buli kimu. Mu buli ngeri ne mu bintu byonna nayiga ekyama ekiri mu
kukkusibwa ne mu kuba omuyala, mu kuba n'ebingi ne mu bwetaavu.
13 Nnyinza okukola byonna mu oyo ampa amaanyi.
14 Kyokka mukola bulungi okulumirirwa awamu nange mu
kubonaabona kwange.
15 Mmwe, Abafiripi, mumanyi nti bwe nava e Makedoniya nga
nakatandika okubuulira Enjiri, tewali Kkanisa n'emu eyampaayo akantu
olw'ebyo bye yafuna okuggyako mmwe mwekka.
16 Kubanga ddala ddala bwe nnali mu Sessaloniika mwampeereza
emirundi ebiri.
17 Soogera kino lwa kubanga njagala okufuna ekirabo, wabula kye
njagala kwe kulaba ng'ekibala kyeyongera ku lwammwe.
18 Naye kaakano nfunye bingi okusinga bye neetaaga, kino kisinzidde
mu ebyo bye mwampeereza, Epafuladito bye yandeetera. Biri ng'akaloosa
akalungi ennyo aka ssaddaaka esanyusa era esiimibwa Katonda.
19 Kale ne Katonda wange alibawa buli kye mwetaaga ng'obugagga bwe
obungi obuli mu Kristo Yesu bwe buli.
20 Katonda Kitaffe aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Ami-
ina.

21 Munnamusize buli mutukuvu mu Kristo Yesu; era n'abooluganda
abali wano nange babalamusizza.
22 Era n'abatukuvu bonna babatumidde, naye okusingira ddala abo abali
mu lubiri lwa Kayisaali.

23 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.
Amiina.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Abakkolosaayi

*Okwebaza n'Okusaba*

1 Nze Pawulo, omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda,
wamu ne Timoseewo owooluganda,
2 tuwandiikira abantu ba Katonda, abatukuvu era abooluganda
abeesigwa mu Kristo ab'e Kkolosaayi, nti ekisa n'emirembe ebiva eri
Katonda Kitaffe bibeerenga nammwe.

3 Buli bwe tubasabira, twebaza Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe
Yesu Kristo.
4 Twawulira okukkiriza kwe mulina mu Kristo Yesu, n'okwagala kwe
mulina eri abantu ba Katonda bonna, abatukuvu,
5 olw'essuubi eryabategekerwa mu ggulu, lye mwawulirako mu kigambo
eky'amazima, ye Enjiri.
6 Enjiri yajja gye muli, era ebunye mu nsi yonna ng'ebala ebibala era
nga yeeyongera okukula. Okuviira ddala lwe mwasooka okugiwulira, ne
mutegeerera ddala amazima agali mu kisa kya Katonda, Enjiri ebadde
yeeyongera okubuna mu mmwe.
7 Epafula muddu munnaffe omwagalwa omuweereza wa Kristo omwe-
sigwa gye muli, eyabatuusaako Enjiri eyo,
8 ye yatubuulira okwagala kwe mulina mu Mwoyo.
9 Noolwekyo, okuviira ddala ku lunaku lwe twawulira ebibafaako,
tetulekangayo kubasabira na kubeegayiririra mujjuzibwe okumanya Ka-
tonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo.
10 Era tweyongera okubasabira, mutambulenga nga musiimibwa
Mukama era nga mumusanyusa mu buli byonna bye mukola, era nga
mubala ebibala mu buli mulimu omulungi, era nga mukula mu kutegeera
Katonda.
11 Amaanyi ag'ekitiibwa kye, galibafuula abagumiikiriza mu buli nsonga
yonna, mulyoke musanyuke,
12 nga mwebaza Kitaffe eyatusaanyiza okugabana ku birungi bye
yategekera abantu be abatukuvu ab'obwakabaka obw'ekitangaala.
13 Katonda eyatuwonya n'atuggya mu maanyi g'ekizikiza aga Setaani,
n'atutwala mu bwakabaka bw'Omwana we omwagalwa,
14 atusonyiwa ebibi byaffe, n'atufuula ba ddembe.

*Obulamu bwa Kristo*

15 Mu ye mwe tulabira Katonda oyo atalabika, era ye yasooka okubeer-
awo nga byonna tebinnabaawo.
16 Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi,
ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi
oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku
lulwe.
17 Kristo yaliwo nga byonna tebinnabaawo, era mu ye ebintu byonna
mwe binywezebwa.
18 Ye gwe mutwe gw'omubiri, n'omubiri ogwo ye Kkanisa. Ye
mubereberye, era ye yasooka okuzuukira mu bafu, alyoke abeerenga
omubereberye mu byonna.

19 Katonda yasiima okutuukiriza byonna mu ye,
20 era mu ye ebintu byonna bitabaganyizibwa gy'ali. Yaleetawo
emirembe olw'omusaayi gwe, ogwayika ku musaalaba, alyoke atabaganye
eby'ensi n'eby'omu ggulu.
21 Edda temwali kumpi ne Katonda, era ebirowoozo byammwe
n'ebikolwa byammwe ebibi bye byabalabisa ng'abakyawa Katonda.
22 Naye kaakano mutabaganye ne Kristo olw'okufa kwe, abanjuleyo
mu maaso ga Katonda nga muli batukuvu era abataliiko bbala wadde
ekyokunenyezebwa.
23 Muteekwa okubeerera ddala mu kukkiriza nga munywedde era nga
temusagaasagana okuva mu ssuubi ery'Enjiri gye mwawulira, eyabu-
ulirwa abantu bonna abali ku nsi, nze Pawulo gye nafuukira omuweereza
waayo.

### *Okufuba kwa Pawulo ku lw'Ekkanisa*

24 Kaakano nsanyuka olw'okubonaabona kwe mbonaabona ku
lwammwe. Era kindeetera essanyu, kubanga ntuukiriza okubonaabona
kwa Kristo mu mubiri gwange, nga mbonaabona ku lw'omubiri gwe, ye
Kkanisa.
25 Katonda yateekateeka okunfuula omuweereza w'Ekkanisa ye ku
lwammwe, ndyoke mbabuulire ekigambo kya Katonda mu bujjuvu.
26 Ekyama ekyakwekebwa okuva edda n'edda lyonna, n'emirembe
n'emirembe, kaakano kibikkuliddwa abantu be, be batukuvu be.
27 Katonda bw'atyo bwe yasiima, alyoke amanyise Abaamawanga
obugagga obw'ekitiibwa ky'ekyama ekyo. Ekyama ekyo ye Kristo abeera
mu mmwe, era ly'essuubi ery'ekitiibwa.
28 Kristo oyo gwe tutegeeza nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna
era nga tulabula buli omu, tulyoke twanjule buli muntu eri Katonda
ng'atuukiridde mu Kristo.
29 Kyenva ntegana nga nfuba nga nkozesa obuyinza Katonda bw'ampa
obw'amaanyi.

## 2

1 Njagala mumanye nga bwe nfuba ennyo okubasabira mmwe n'ab'omu
Lawodikiya, era n'abo abatandabangako mu mubiri.
2 Ekyo nkikola mbazzeemu amaanyi era bagattibwe wamu mu kwa-
galana, ne mu kutegeerera ddala obugagga bwonna obuli mu kumanya
ekyama kya Katonda, ye Kristo.
3 Mu Kristo mwe mukwekeddwa eby'obugagga byonna eby'amagezi
n'okumanya.
4 Ebyo mbibategeeza waleme kubaawo n'omu ababuzaabuza.
5 Kubanga wadde siri wamu nammwe mu mubiri, naye mu mwoyo
ndi wamu nammwe, era nsanyuka okumanya nti mutambula nga bwe
muteekwa okutambula mu Kristo era nti n'okukkiriza kwammwe mu
Kristo kunywevu.

### *Obulamu Obujjuvu mu Kristo*

6 Nga bwe mwaweebwa Kristo Yesu Mukama waffe, mutambulirenga
mu ye,
7 nga musimbibwa era nga mukuzibwa mu ye, era nga munywezebwa
mu kukkiriza nga bwe mwayigirizibwa, nga mujjudde okwebazanga.
8 Mwekuumenga walemenga kubaawo n'omu ku mmwe abuzibwabuz-
ibwa mu bufirosoofo ne mu by'obulimba ebitaliimu, okugobereranga

obulombolombo obw'abantu n'ebiyigirizibwa abantu. Munywererenga ku biyigirizibwa ku Kristo.
9 Kubanga mu Kristo okutuukiriza kwonna okw'Obwakabaka mwe kulabikira mu mubiri,
10 era mmwe nga muli mu ye, mwatuukirira mu ye, oyo Kristo omutwe gw'obufuzi bwonna n'obuyinza bwonna.
11 Mu ye mwakomolebwa, bwe mwaggibwako okwegomba kw'omubiri, naye si okukomolebwa okw'engalo z'abantu, wabula mu kukomolebwa okwa Kristo.
12 Bwe mwabatizibwa, mwaziikibwa wamu naye, ate ne muzuukizibwa wamu naye olw'okukkiriza kwammwe mu maanyi ga Katonda eyamuzuukiza mu bafu.
13 Mwali mufudde olw'ebyonoono byammwe ne mu butakomolebwa bwammwe obw'okwegomba kw'omubiri. Katonda n'abafuula balamu wamu ne Kristo, ffenna bwe yatusonyiwa ebyonoono byaffe byonna.
14 Bwe yasazaamu era n'aggyawo ebiragiro ebyawandiikibwa mu mateeka ebyatwolekeranga, n'abikomerera ku musaalaba,
15 n'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala.
16 Noolwekyo waleme kubaawo muntu n'omu abasalira musango ku bye mulya ne bye munywa, oba okubasalira omusango olw'embaga z'Ekiyudaaya oba ez'omwezi ogubonese wadde olwa Ssabbiiti.
17 Kubanga ebyo kisiikirize eky'ebyo ebyali bigenda okujja, naye ekirimu ensa ye Kristo.
18 Omuntu yenna tabalimbalimbanga n'abanyagako ekirabo kye mwaweebwa, nga yeesigama ku kwewombeeka okw'obulimba n'okuwa bamalayika ekitiibwa ekingi, ng'anywerera mu bintu bye yalaba, nga yeenyumiririza mu butaliimu obw'amagezi ag'omubiri gwe.
19 Ab'engeri eyo baba tebakyali mu Kristo, omutwe gw'omubiri gwonna. Omubiri ogwo gugattibwa mu nnyingo ne mu binywa era ne gugattibwa wamu nga gukula, Katonda nga y'agukuza.
20 Obanga mwafiira wamu ne Kristo ne musumululwa okuva mu magezi ag'ebintu ebyangu eby'ensi, lwaki mufugibwa ebiragiro ng'ab'omu nsi?
21 Bino bye bimu ku biragiro ab'omu nsi bye bawa: Tolya kino, tokwata ku kiri oba nti tokomba ku kino.
22 Ebyo byonna ku nkomerero biriggwaawo kubanga biriba tebikyalina mugaso.
23 Birabika ng'eby'amagezi mu ngeri ey'okusinza, abantu gye beegunjirawo bokka mu kwewombeeka ne mu kubonyaabonya omubiri, songa tebiriiko kye bigasa n'akatono mu kufuga okwegomba kw'omubiri.

# 3

*Ebiragiro ku Butukuvu*

1 Nga bwe mwazuukirira awamu ne Kristo, munoonyenga ebintu ebiri mu ggulu, Kristo gy'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.
2 Mulowoozenga ku ebyo ebiri mu ggulu, so si ebiri ku nsi,
3 kubanga mwafa era n'obulamu bwammwe bukwekeddwa mu Kristo mu Katonda.
4 Kristo atuwa obulamu, bw'alirabisibwa, nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitiibwa.

*Obulamu obw'Edda n'Obulamu Obuggya*

[5] Noolwekyo temufugibwa bikolwa byammwe eby'omubiri, byonna
mubitte. Gamba nga: obwenzi, n'obutali bulongoofu, n'obukaba,
n'okwegomba okw'ensonyi, n'okuyaayaana; kye kimu n'okusinza baka-
tonda abalala.
[6] Kubanga obusungu bwa Katonda bubuubuukira ku baana
ab'obujeemu abakola ebintu ebyo,
[7] ate nga nammwe edda mwe mwatambuliranga, bwe mwabikolanga.
[8] Naye kaakano mweyambulemu ebintu ebyo byonna; obusungu,
n'ekiruyi, n'ettima, n'okuvvoola, n'okunyumya emboozi ey'ensonyi.
[9] Temulimbagananga kubanga mweyambulako omuntu ow'edda
n'ebikolwa bye,
[10] ne mwambazibwa omuntu omuggya, nga mufuulibwa abaggya mu
kifaananyi ky'oyo eyamutonda, ate ne mu kweyongera okumutegeera.
[11] Olwo tewaba kwawulamu, Muyonaani na Muyudaaya, eyako-
molebwa n'ataakomolebwa, Omunnaggwanga, n'Omusukusi, omuddu
n'ow'eddembe, wabula Kristo ye byonna, era abeera mu ffe ffenna.
[12] Ng'abalonde ba Katonda abatukuvu era abaagalwa, mwambalenga
omwoyo ogusaasira, n'ekisa, n'obuwombeefu, n'obuteefu,
n'obugumiikiriza.
[13] Bwe wabangawo omuntu yenna alina ensonga ku munne, muz-
ibiikirizaganenga, era musonyiwaganenga. Nga Mukama waffe bwe
yabasonyiwa era nammwe musonyiwaganenga.
[14] Okwagala kwe kusinga ebintu ebirala byonna, kubanga kwe kuny-
weza ebintu byonna.
[15] N'emirembe gya Kristo gifugenga emitima gyammwe, kubanga
emirembe egyo gye mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mwebazenga.

### *Amateeka g'Omu Nnyumba z'Abakristaayo*

[16] Ekigambo kya Kristo mu bugagga bwakyo kibeerenga mu mmwe, mu
magezi gonna nga muyigirizagananga era nga mubuuliragananga mwekka
na mwekka mu Zabbuli, ne mu nnyimba, ne mu biyiiye eby'omwoyo nga
muyimbira Katonda nga mujjudde ekisa mu mitima gyammwe.
[17] Na buli kye munaakolanga mu kigambo oba mu kikolwa, byonna
mubikolenga mu linnya lya Mukama waffe Yesu nga muyita mu ye
okwebaza Katonda Kitaffe.
[18] Abakazi, muwulirenga babbammwe kubanga ekyo kye kituufu mu
Mukama waffe.
[19] Nammwe abaami mwagalenga bakyala bammwe era mubakwasenga
kisa so si bukambwe.
[20] Abaana, muwulirenga bazadde bammwe mu bintu byonna kubanga
ekyo ky'ekisanyusa Katonda.
[21] Nammwe bakitaabwe temunyiizanga baana bammwe baleme okud-
dirira mu mwoyo.
[22] Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omu nsi mu bintu
byonna, si kubasanyusa lwa kubanga babalaba, naye mubagonderenga
n'omutima ogutaliimu bukuusa, nga mutya Mukama waffe.
[23] Buli kye mukola mukikole ng'abakolera Mukama waffe so si abantu,
[24] nga mumanyi nga mulifuna empeera yammwe ey'omugabo
gwammwe okuva eri Mukama waffe. Muweerezenga Mukama Kristo;
[25] kubanga ayonoona, alisasulwa olw'ebikolwa bye, so tewaliba kusosola
mu bantu.

# 4

*Ebiragiro Ebirala*

1 Mmwe bakama b'abaddu, mubenga benkanya eri abaddu bammwe
nga mumanyi nti nammwe mulina Mukama wammwe mu ggulu.
2 Munyiikirirenga mu kusaba, nga temuddirira, wabula nga mwe-
bazanga
3 nga mwenna awamu mutusabira Katonda atuggulirewo oluggi okubu-
ulira Enjiri, n'okutegeeza ekyama kya Kristo, kye nasibirwa.
4 Ndyoke njolesenga ekyama ekyo nga bwe kiŋŋwanidde okukyogerako.
5 Abo abatannakkiriza mutambulenga nabo n'amagezi, nga mukozesa
bulungi ebiseera bye mulina.
6 Enjogera yammwe ebeerenga ya kisa, era ng'enoga omunnyo, mulyoke
mumanye eky'okwanukulanga buli muntu yenna.

7 Tukiko owooluganda omwagalwa era omuweereza omwesigwa era
muddu munnaffe mu Mukama waffe alibategeeza ebinfaako byonna.
8 Kyenva mmutuma gye muli mulyoke mumanye ebitufaako, era
abazzeemu n'amaanyi,
9 awamu ne Onesimo owooluganda omwagalwa era omwesigwa, omu
ku b'ewammwe; balibategeeza byonna ebifa eno.
10 Alisutaluuko, musibe munnange, ne Makko omujjwa wa Balunabba,
gwe baabagambako nti bw'aliba ng'aze gye muli mumusembezanga,
babatumidde;
11 ne Yesu ayitibwa Yusito abalamusizza. Abo be Bayudaaya, bakozi
bannange bokka mu bwakabaka bwa Katonda, abaanzizaamu amaanyi.
12 Epafula ow'ewammwe, omuddu wa Kristo Yesu, afuba bulijjo ku
lwammwe okubasabira, mulyoke muyimirirenga nga munywedde mu
kukkiriza era nga mutegeereranga ddala mu byonna Katonda by'ayagala,
abalamusizza.
13 Kubanga mmuweera obujulirwa, nga bw'afuba ennyo ku lwammwe,
n'ab'omu Lawodikiya, n'ab'omu Kiyerapoli.
14 Lukka, omusawo omwagalwa ne Dema, babalamusizza.
15 Mulamuse abooluganda ab'omu Lawodikiya, ne Nunfa, n'ekkanisa
ekuŋŋaanira mu nnyumba ye.

16 Ebbaluwa eno bw'emalanga okusomebwa mu mmwe, mulabe nti
esomerwa n'ab'ekkanisa y'omu Lawodikiya, era nammwe musome
ebbaluwa eriva e Lawodikiya.

17 Era mugambe Alukipo nti, "Ssaayo omwoyo ku kuweereza kwe
waweebwa mu Mukama waffe, okutuukirize."

18 Nze Pawulo nzennyini nze mpandiise okulamusa kuno. Munzi-
jukirenga mu busibe bwange. Ekisa kibeerenga nammwe.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu ey'Olubereberye eri Basessaloniika

1 Nze Pawulo ne Sirwano* ne Timoseewo, tuwandiikira Ekkanisa
ey'Abasessaloniika, abantu ba Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu
Kristo, ekisa n'emirembe bibeerenga gye muli.

*Okwebaza olw'Okukkiriza kw'Abasessaloniika*

2 Bulijjo twebaza Katonda ku lwammwe mwenna era tubasabira
obutayosa,
3 nga tujjukira omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba
okw'okwagala n'okugumiikiriza okw'essuubi mu Mukama waffe Yesu
Kristo mu maaso ga Katonda era Kitaffe,
4 era nga tumanyi, nga mmwe abooluganda muli mikwano gya Katonda,
baayagala ennyo, be yalonda.
5 Kubanga Enjiri yaffe teyajja gye muli mu kigambo kyokka, wabula ne
mu maanyi, ne mu Mwoyo Omutukuvu, ne mu bukakafu obungi, era nga
bwe mumanyi nga twabeeranga wakati mu mmwe ku lwammwe.
6 Nammwe mwagoberera Mukama waffe era ne mukola nga bwe
twakolanga bwe mwakkiriza ekigambo wakati mu kubonaabona okungi
nga mulina essanyu eriva mu Mwoyo Omutukuvu,
7 ne mubeera ekyokulabirako eri abakkiriza bonna ab'omu Makedoniya
ne Akaya.
8 Kubanga ekigambo kya Mukama kibunye okuva mu mmwe, si mu
Makedoniya ne mu Akaya mwokka, naye ne mu buli kifo n'okukkiriza
kwammwe eri Katonda kwabuna ne tutabaako kye tukwogerera.
9 Kubanga bo bennyini batubuulira engeri gye mwatwanirizaamu,
ne bwe mwakyuka okuleka bakatonda abalala ne mudda eri Katonda
omulamu era ow'amazima,
10 era ne bwe mulindiridde Omwana wa Katonda, okukomawo okuva
mu ggulu, gwe yazuukiza okuva mu bafu, ye Yesu oyo yekka atulokola
okutuwonya mu busungu bwa Katonda obugenda okujja.

## 2

*Obuweereza bwa Pawulo mu Sessaloniika*

1 Mmwe bennyini, abooluganda abaagalwa, mumanyi ng'okujja kwaffe
gye muli tekwafa busa.
2 Mumanyi nga bwe twabonaabonera e Firipi, n'okuyisibwa obubi
kyokka ne tugumira mu Katonda waffe ne tubategeeza Enjiri ya Katonda
nga tuli mu kuwakanyizibwa okungi.
3 Kubanga okubuulirira kwaffe tekwali kwa bulimba so tekwali kwa
bugwenyufu, wadde okw'obukuusa,
4 naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda n'atwesiga n'Enjiri, bwe
twogera bwe tutyo, si ng'abaagala okusanyusa abantu, wabula tusiimibwe
Katonda, oyo akebera ebirowoozo by'emitima gyaffe.

* **1:1** Sirwano Mu Luyonaani oluusi ayitibwa Siira

5 Tetugezangako kubawangula na bigambo biwaaniriza nga nammwe
bwe mumanyi, wadde okuba ab'omululu era Katonda akimanyi,
6 newaakubadde okunoonyaamu ekitiibwa, newaakubadde okuva eri
mmwe wadde abantu abalala,
7 tulyoke tulabike ng'abatume ba Kristo ab'amaanyi. Naye twefuula
ng'abaana abato mu maaso gammwe, nga nnyina w'abaana bwe yandya-
gadde abaana be,
8 bwe tutyo bwe twabalumirwa omwoyo ne tusanyuka okubatuusaako
si Enjiri ya Katonda yokka naye n'okuwaayo emyoyo gyaffe ffe, kubanga
mwafuuka baagalwa baffe.
9 Abooluganda mujjukire okufuba kwaffe n'okutegana kwaffe; bwe
twakolanga emisana n'ekiro tuleme okubazitoowerera, nga tubabuulira
Enjiri ya Katonda.
10 Mmwe muli bajulirwa baffe, era ne Katonda akimanyi, nga twali bakk-
iriza ddala era abatuukirivu abataaliko kya kunenyezebwa, abeeweerayo
ddala bwe twali mu mmwe,
11 nga bwe mumanyi nga twali kitaawe wa buli omu ku mmwe nga
kitaawe w'abaana bw'abeera eri abaana be,
12 nga tubabuulirira era nga tubagumya mu mwoyo era nga tubaweer-
ako obujulirwa, ne tubakuutira okutambulanga nga musaanira mu maaso
ga Katonda, oyo abayita okuyingira mu bwakabaka bwe ye ne mu kitiibwa
kye.
13 Naffe kyetuva twebaza Katonda obutayosa, kubanga bwe mwawulira
ekigambo ekiva gye tuli, temwakiwulira ng'ekiva eri abantu wabula
ng'ekiva eri Katonda, nga ky'ekigambo kya Katonda kyennyini, ekikolera
ne mu mmwe, abakkiriza.
14 Nammwe, abooluganda abaagalwa, mwabonaabona ng'Ekkanisa za
Katonda eziri mu Buyudaaya mu Kristo Yesu, nga muyigganyizibwa
abantu b'eggwanga lyammwe mmwe, nga nabo bwe baayigganyizibwa
abantu b'eggwanga lyabwe Abayudaaya.
15 Bwe baamala okutta bannabbi baabwe, ne batta ne Mukama waffe
Yesu, era naffe baatuyigganya nnyo; tebaasanyusa Katonda era balabe
b'abantu bonna,
16 era baatugaana okubuulira Abaamawanga olw'okutya nti bajja
kulokoka, kale ebibi byabwe byeyongera bulijjo; ku nkomerero, obusungu
bwa Katonda bubabuubuukiddeko.

### *Pawulo Okwagala Okulaba Abasessaloniika*

17 Abooluganda bwe twabaawukanako nga wayiseewo akaseera
akatono, wadde essaawa emu, so ng'emitima gyaffe gisigadde eyo,
twegomba nnyo okukomawo twongere okubalabako.
18 Twayagala nnyo okudda gye muli, na ddala nze, Pawulo; nagezaako
emirundi n'emirundi, naye Setaani n'atuziyiza.
19 Kale Mukama waffe Yesu bw'alijja, si mmwe mulibeera essuubi
n'essanyu lyaffe, n'engule ey'okwenyumiriza kwaffe?
20 Kubanga mmwe kitiibwa kyaffe era essanyu lyaffe.

## 3

1 Oluvannyuma nga tetukyayinza kugumiikiriza ne tusalawo okusigala
ffekka mu Asene.
2 Ne tutuma Timoseewo, muganda waffe era muweereza munnaffe mu
mulimu gwa Katonda, mu Njiri ya Kristo, abagumye era abanyweze mu
kukkiriza kwammwe,

3 waleme okubaawo n'omu aterebuka olw'okuyigganyizibwa kwe mwal-
imu. Mmwe mwennyini mumanyi nti ekyo kye twayitirwa.
4 Kubanga ne bwe twali tukyali nammwe twabategeeza nti tuli baakuyig-
ganyizibwa era bwe kyali bwe kityo era mukimanyi.
5 Ssaayinza kwongera kugumiikiriza kyennava ntuma Timoseewo ajje
alabe obanga okukkiriza kwammwe kukyali kunywevu, si kulwa nga
mukemebwa omukemi, ne tuba nga twateganira bwereere.

*Lipoota ya Timoseewo Ezzaamu Amaanyi*

6 Naye kaakano Timoseewo bw'akomyewo ng'ava gye muli atuleetedde
amawulire amalungi ag'okukkiriza kwammwe n'okwagala kwammwe,
era nga mutujjukira bulungi bulijjo, nga mwesunga okutulabako nga naffe
bwe twesunga okubalabako.
7 Noolwekyo abaagalwa, newaakubadde nga tuli mu buzibu ne mu
kubonaabona, okukkiriza kwammwe kutuzaamu amaanyi.
8 Kubanga bwe muba abanywevu mu Mukama waffe, naffe tuba balamu.
9 Kale Katonda tumwebaze tutya olw'essanyu eritujjudde ku lwammwe
olw'essanyu lye tulina ku lwammwe mu maaso ga Katonda waffe?
10 Katonda tumwegayirira nnyo nnyini emisana n'ekiro, atukkirize
okubalabako tujjuulirize ebyo ebikyabulako mu kukkiriza kwammwe.
11 Katonda Kitaffe yennyini ne Mukama waffe Yesu aluŋŋamye ekkubo
lyaffe okujja gye muli.
12 Mukama waffe aboongereko okwagala kwammwe, mwagalanenga
mwekka na mwekka era mwagalenga nnyo abantu bonna, nga naffe bwe
tubaagala,
13 alyoke anyweze emitima gyammwe nga temuliiko kya kunenyezebwa
mu butukuvu mu maaso ga Katonda Kitaffe, Mukama waffe Yesu Kristo
bw'alikomawo n'abatukuvu be bonna.

# 4

*Obulamu Obusanyusa Katonda*

1 Noolwekyo aboluganda, ekisembayo, tubeegayirira nga tubazzaamu
amaanyi mu Mukama waffe Yesu, nti nga bwe twababuulirira bwe
kibagwanira okutambula n'okusanyusa Katonda, era nga bwe mukola bwe
mutyo, mugende mu maaso okukolanga bwe mutyo n'okusingawo.
2 Kubanga mumanyi ebiragiro bye twabawa mu Mukama waffe Yesu.
3 Kubanga Katonda ayagala mutukuzibwe, era mwewalenga obwenzi,
4 buli omu ku mmwe amanyenga okufuga omubiri gwe mu butukuvu
n'ekitiibwa,
5 so si mu kwegomba okw'obukaba ng'abamawanga abatamanyi Ka-
tonda bwe bakola.
6 Mu nsonga eyo walemenga okubaawo ayingirira muganda we,
newaakubadde amusobyako, kubanga Mukama yawoolera eggwanga mu
nsonga zino. Ebintu bino byonna twabibagamba dda era ne tubawa
n'obujulirwa.
7 Kubanga Katonda teyatuyitira bugwenyufu wabula yatuyitira kutukuz-
ibwa.
8 Noolwekyo anyooma bino aba tanyoomye muntu wabula Katonda,
atuwa Omwoyo we Omutukuvu.
9 Kaakano ku bikwata ku kwagalana kw'aboluganda sseetaaga ku-
bibawandiikirako, kubanga mmwe mwennyini mwayigirizibwa Katonda
okwagalananga.

10 Kubanga ddala bwe mutyo bwe mwagala abooluganda bonna ab'omu
Makedoniya, naye era abooluganda, tubakuutira mweyongere okubaa-
galanga.
11 Mubeerenga bakkakkamu, nga temweyingiza mu by'abalala, era
mukolenga emirimu gyammwe nga bwe twabakuutira,
12 mutambule nga mwegendereza eri abatakkiriza, mube nga mwe-
malirira mu buli nsonga.

### *Okujja kwa Mukama waffe*

13 Kaakano, abooluganda tetwagala mmwe obutategeera eby'abo abafu,
ne munakuwala ng'abalala abatalina ssuubi.
14 Kubanga bwe tukkiriza nti Yesu yafa era n'azuukira mu bafu bwe
tutyo tukkiriza nti Katonda alikomyawo wamu naye abo abaafira mu Yesu.
15 Kubanga ekyo kye tubategeeza mu kigambo kya Mukama waffe,
nga ffe abalamu, abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe
tetulisooka abaafa.
16 Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'eddoboozi
ery'omwanguka, eddoboozi lya malayika omukulu nga liwulirwa,
n'ekkondeere lya Katonda, n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka
okuzuukira,
17 naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tubeegattako, ne tusit-
ulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga; bwe tutyo
tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna.
18 Kale buli omu agumyenga munne n'ebigambo ebyo.

## 5

1 Naye ku bikwata ku by'entuuko n'ebiro, abooluganda, ssetaaga
kwongera kubawandiikira.
2 Kubanga mmwe mwennyini mumanyi bulungi nti olunaku lwa
Mukama waffe lulijja ng'omubbi bw'ajja ekiro.
3 Abantu balirowooza mu mitima gyabwe nti, "Tulina emirembe
era tulina obukuumi," amangwango okuzikirira ne kulyoka kubajjira,
ng'okulumwa bwe kujjira omukazi agenda okuzaala omwana; ne bata-
wona n'akatono.
4 Naye mmwe, abooluganda abaagalwa temuli mu kizikiza ku nsonga
zino, era temugenda kwekanga lunaku olwo ng'abayingiriddwa omubbi;
5 Kubanga mmwe mwenna muli baana ba musana era baana ba
butangaavu. Tetuli ba kiro yadde ab'ekizikiza.
6 Noolwekyo tuleme kwebaka ng'abalala naye tutunulenga okwegomba
kuleme okutufuga.
7 Kubanga abeebaka beebaka kiro, n'abatamiira batamiira kiro.
8 Naye ffe, kubanga tuli ba musana, tulemenga okutamiira.
Twambale okukkiriza n'okwagala ng'ekyomu kifuba, era tube n'essuubi
ery'obulokozi nga ye nkufiira yaffe.
9 Kubanga ffe Katonda teyatulondera kufukibwako kiruyi kya busungu,
wabula okutulokola ng'ayita mu Mukama waffe Yesu Kristo,
10 eyatufiirira ka tube nga tuli balamu oba nga tufudde, tulyoke tubeere
balamu wamu naye.
11 Kale mugumyaganenga era muzimbaganenga nga bwe mubadde
mukola.

### *Ebiragiro Ebisembayo*

12 Kaakano tubeegayirira abooluganda, mumanye abafuba okukola emirimu mu mmwe era ababakulembera mu Mukama waffe era abababuulirira,
13 mubassengamu nnyo ekitiibwa mu kwagala olw'omulimu gwabwe. Mubenga bantu ba mirembe.
14 Tubakuutira abooluganda, mubuulirirenga abagayaavu, mugumyenga abo abalimu okutya, muyambenga abatalina maanyi, mubenga bagumiikiriza eri abantu bonna.
15 Mulabenga nga mu mmwe temuli muntu asasula ekibi olw'ekibi, naye bulijjo mukolenga obulungi buli muntu ne munne, era n'eri abantu bonna.
16 Musanyukenga ennaku zonna.

*Musabenga*

17 Musabenga obutayosa.
18 Mwebazenga olwa buli kintu kyonna, kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mmwe abali mu Kristo Yesu.
19 Temuzikizanga Mwoyo Mutukuvu,
20 era temunyoomanga abo aboogera eby'obunnabbi,
21 naye mwekenneenyenga ebintu byonna, kale bwe bibanga ebirungi mubinywezenga.
22 Mwewalenga buli ngeri ya kibi.
23 Katonda ow'emirembe abatukulize ddala, era omwoyo gwammwe gwonna, n'emmeeme yammwe n'omubiri gwammwe, bikuumibwenga nga tebiriiko kya kunenyezebwa okutuusa ku lunaku olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo.
24 Oyo eyabayita mwesigwa era alikituukiriza.

25 Abooluganda, naffe, mutusabirenga.

26 Mulamuse abooluganda bonna mu kulamusa okutukuvu.

27 Mbalagira mu linnya lya Mukama waffe ebbaluwa eno mugisomere abooluganda bonna.

28 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.

# Ebbaluwa ya Pawulo Eyookubiri eri Basessaloniika

1 Nze Pawulo ne Sirwano* ne Timoseewo tuwandiikira Ekkanisa
ey'Abasessaloniika, abantu ba Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu
Kristo,
2 ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu
Kristo, bibeerenga nammwe.

*Okwebaza n'Okusaba*

3 Kitugwanidde okwebazanga Katonda bulijjo ku lwammwe aboolu-
ganda, nga bwe kisaana, kubanga okukkiriza kwammwe kweyongedde
nnyo okukula, awamu n'okwagalana kwammwe mwekka na mwekka,
4 ekyo ne kituleetera ffe ffennyini okubeenyumiririzaamu mu kkanisa za
Katonda olw'okugumiikiriza kwammwe n'okukkiriza kwammwe wakati
mu kuyigganyizibwa kwammwe kwonna awamu n'okubonaabona bye
mugumiikiriza.
5 Ako kabonero akalaga nti Katonda mutuukirivu mu kulamula kwe,
mmwe mulyoke musaanire obwakabaka bwa Katonda, bwe mubonaabon-
era,
6 ate ng'abo ababanyigiriza alibabonereza nga bwe kibagwanidde.
7 Era nammwe abanyigirizibwa muliweerwa wamu naffe ekiwummulo,
mu kubikkulirwa kwa Mukama waffe Yesu bw'aliva mu ggulu, ne
bamalayika be ab'amaanyi,
8 mu muliro ogwaka, n'abonereza abo abatamanyi Katonda era aba-
jeemera Enjiri ya Mukama waffe Yesu.
9 Abo baliweebwa ekibonerezo kya kuzikirira emirembe n'emirembe,
nga baawukanyiziddwa ne Mukama waffe, n'ekitiibwa ky'amaanyi ge.
10 Bw'alijja okugulumizibwa mu batukuvu be ku lunaku luli abo bonna
abamukkiriza balyewuunya kubanga mwakkiriza bye twabategeeza ku ye.
11 Kyetuva tubasabira bulijjo, Katonda waffe abasaanyize okuyitibwa
kwammwe. Abawe amaanyi mutuukirize ebirungi byonna bye mukola,
na buli mulimu ogw'okukkiriza mu maanyi,
12 erinnya lya Mukama waffe Yesu liryoke ligulumizibwe mu mmwe,
nammwe muweebwe ekitiibwa mu ye, ng'ekisa kya Katonda waffe ne
Mukama waffe Yesu Kristo bwe kiri.

## 2

*Ebikolwa by'Omulabe wa Kristo*

1 Kaakano abooluganda, ku by'okukomawo kwa Mukama waffe Yesu
Kristo, era n'okukuŋŋaanyizibwa okumusisinkana, tubasaba
2 muleme okweraliikirira wadde emitima okubeewanika newaakubadde
olw'omwoyo, newaakubadde olw'ekigambo wadde olw'ebbaluwa,
ebirabika ng'ebivudde gye tuli, nga biranga nti olunaku lwa Mukama
lutuuse.
3 Omuntu yenna tabalimbalimbanga mu ngeri yonna; kubanga okug-
gyako ng'obujeemu busoose okujja, n'omuntu oli ow'obujeemu, omwana
w'okuzikirira ng'amaze okulabisibwa,

---
* **1:1** Sirwano Mu Luyonaani oluusi ayitibwa Siira

4 oyo alivvoola Katonda ne yeegulumiza okusinga ebintu byonna nga
yeeyita katonda oba ekissibwamu ekitiibwa atuule mu yeekaalu ya
Katonda omwo nga yeefuula okuba Katonda.
5 Temujjukira ng'ebyo nabibategeeza bwe nnali nammwe?
6 Era ekikyamuziyizza mukimanyi kubanga tagenda kujja okutuusa
ng'ekiseera kye kituuse.
7 Kubanga ekyama ky'obujeemu kyatandika dda okukola, naye ye
yennyini tagenda kujja okutuusa oyo amuziyiza lw'aliva mu kkubo.
8 Olwo omuntu ow'obujeemu alyoke alabisibwe, Mukama waffe
Yesu gw'alimalawo n'omukka ogw'omu kamwa ke n'amuzikiriza
n'okulabisibwa kw'okujja kwe.
9 Omuntu oyo alijjira mu maanyi ga Setaani gonna n'akola obubonero
n'eby'amagero, eby'obulimba,
10 era n'obulimba obwa buli ngeri obw'obutali butuukirivu eri abo
abazikirizibwa, kubanga bagaana okukkiriza amazima okulokolebwa.
11 Katonda kyava abawaayo eri okubuzibwabuzibwa okw'amaanyi
bakkirize eby'obulimba.
12 Era bonna balyoke basalirwe omusango olw'okukkiriza obulimba, ne
bagaana amazima ne basanyukira okukola ebitali bya butuukirivu.
13 Naye kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku
lwammwe, abooluganda abaagalwa mu Mukama waffe, kubanga Katonda
yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye, ng'abatukuza olw'okukola
kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima,
14 ge yabayitira ng'ayita mu Njiri yaffe mulyoke mufune ekitiibwa kya
Mukama waffe Yesu Kristo.
15 Noolwekyo abooluganda, munywererenga ku ebyo bye twabayigiriza
mu bbaluwa zaffe oba mu bigambo byaffe.
16 Kale Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda Kitaffe eyatwa-
gala n'atuwa essanyu n'essuubi eddungi olw'ekisa kye,
17 abazzeemu amaanyi, era abanywezenga mu buli kye mukola ne mu
buli kigambo ekirungi.

# 3

### *Okusabirwanga*

1 Abooluganda, eky'enkomerero, mutusabirenga, ekigambo kya
Mukama kibune mangu era Mukama agulumizibwenga, nga
bw'agulumizibwa mu mmwe,
2 tulyoke tununulibwe okuva mu bakozi b'ebibi, kubanga si bonna
abakkiriza.
3 Naye Mukama waffe mwesigwa, alibanyweza mmwe era anaaba-
wonyanga Setaani.
4 Era twesiga nga Mukama waffe, abakozesa ebyo bye twabayigiriza era
nga munaabikolanga bulijjo.
5 Mukama waffe aluŋŋamyenga emitima gyammwe mu kutegeera
okwagala kwa Katonda, n'obugumiikiriza obuva eri Kristo.

### *Abalabula Obutagayaalanga*

6 Abooluganda abaagalwa, mbakuutira mu linnya lya Mukama waffe
Yesu Kristo ne mu buyinza bwe, mwewalenga abagayaavu abatayagala
kukola mirimu ne balemwa okugoberera ekyokulabirako kye twabateer-
awo.

7 Kubanga mmwe bennyini mumanyi bulungi bwe kibagwanira okutugobereranga ng'ekyokulabirako kyammwe, kubanga temwatulaba nga twegomba okulya ebyo bye tutakoleredde,
8 tetwakkiriza kulya mmere ya muntu yenna awatali kumusasula. Twafubanga nnyo ne tukoowa nga tukola emirimu emisana n'ekiro tulyoke tufunemu bye twetaaga okukozesa, era tuleme kuzitoowerera muntu n'omu ku mmwe.
9 Si kubanga tetwalina buyinza okubagamba mmwe okutuliisa, naye twayagala mutulabireko nga bwe kibagwanidde okukolanga.
10 Era ne bwe twali gye muli eyo, twabakuutira nti omuntu yenna bw'agaananga okukola emirimu, n'okulya talyanga.
11 Kyokka tuwulira nti mu mmwe mulimu abagayaavu abatayagala kukola, aboonoona ebiseera byabwe mu kusaasaanya eŋŋambo.
12 Mu linnya lya Mukama waffe, tubeegayirira era tubakuutira abali bwe batyo, okukolanga emirimu n'obunyiikivu n'obuteefu balyoke balyenga ebyo bye bakoleredde.
13 Naye mmwe temukoowanga kukola bulungi abooluganda abaagalwa.
14 Era omuntu yenna bw'atagonderanga biragiro byaffe mu bbaluwa eno, oyo mumwetegereze, muleme kukolagananga naye, ensonyi ziryoke zimukwate.
15 So temumuyisanga nga mulabe wammwe naye mumubuulirirenga ng'owooluganda eyetaaga okulabulwa.

*Eky'enkomerero*

16 Kale Mukama nannyini mirembe abawenga emirembe mu byonna. Mukama abeerenga nammwe mwenna.

17 Kuno kwe kulamusa kwange, nze Pawulo, mu mukono gwange, bwe ntyo bwe nkola ku nkomerero z'ebbaluwa zange zonna okulaga nti zivudde gye ndi. Bwe nti bwe mpandiika.

18 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe mwenna.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu ey'Olubereberye eri Timoseewo

*Okulamusa*

1 Nze Pawulo, omutume wa Kristo Yesu, nga Katonda Omulokozi waffe ne Kristo Yesu essuubi lyaffe, bwe baalagira,

2 nkuwandiikira ggwe Timoseewo, omwana wange ddala mu kukkiriza. Nkwagaliza ekisa n'okusaasira, n'emirembe, ebiva eri Katonda Kitaffe ne Yesu Kristo Mukama waffe.

*Okwerinda Enjigiriza Enkyamu*

3 Njagala osigale mu Efeso, nga bwe nakukuutira nga ŋŋenda e Makedoniya oziyize abantu baleme kuyigiriza njigiriza ndala.

4 Bagambe balekeraawo okwemalira ku nfumo, ne ku kulondoola enkalala empanvu ez'amannya g'abajjajja. Ebyo byongera mpaka, mu kifo ky'okuyigiriza abantu ebya Katonda ebiri mu kukkiriza.

5 Kye tugenderera mu kiragiro kino, kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu, n'omwoyo omulungi, n'okukkiriza okutaliimu bukuusa.

6 Ebyo abantu abamu babivaako ne badda mu mpaka ezitaliimu mugaso.

7 Beefuula bayigiriza b'amateeka ga Katonda, songa tebategeera bye boogera, wadde bye bakakasa.

8 Tumanyi ng'amateeka malungi, omuntu bw'agakozesa mu ngeri entuufu.

9 Tusaanye tutegeere nga Amateeka tegaateekerwawo batuukirivu, wabula gaateekerwawo bamenyi baago na bajeemu, aboonoonyi, n'abatatya Katonda, n'abatali batukuvu, n'abagwenyufu, abatta bakitaabwe ne bannyaabwe, era n'abatta abantu abalala,

10 n'abenzi, n'abalya ebisiyaga, abagula n'abatunda abaddu, abalimba n'abalayirira obwereere, ne bonna abatakkiriziganya na njigiriza ntuufu,

11 ng'Enjiri ey'ekitiibwa kya Katonda atenderezebwa, gye yankwasa bw'eri.

*Okwebaza Katonda olw'Ekisa kye*

12 Neebaza Kristo Yesu Mukama waffe eyampa amaanyi ag'okumuweereza. Mwebaza kubanga yalaba nga nsaanira, n'ankwasa omulimu gwe.

13 Newaakubadde ng'edda namwogerangako bubi, ne mmuyigganya era ne mmuvuma, kyokka yansaasira, kubanga ebyo nabikolanga mu butamanya nga sinnaba kumukkiriza.

14 Naye Mukama waffe yankwatirwa ekisa kingi n'ampa okukkiriza kungi, era n'okwagala kwe tufunira mu Kristo Yesu.

15 Ekigambo kino kituufu, kisaanye okukkiriza, ekigamba nti Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola aboonoonyi. Mu bo nze mwonoonyi asookera ddala.

16 Katonda kyeyava ansaasira, Kristo Yesu alyoke ayoleseze mu nze, omwonoonyi asingira ddala okugumiikiriza kwe okutakoma, era mbeere ekyokulabirako eri abo abalimukkiriza ne bafuna obulamu obutaggwaawo.

17 Kabaka ow'olubeerera, atafa era atalabika, Katonda omu yekka,
agulumizibwenga, emirembe n'emirembe. Amiina.

18 Mwana wange Timoseewo, nkukubiriza ojjukire ebigambo bya
bannabbi bye baakwogerako edda, olyoke olwane olutalo n'obuzira,

19 ng'okukkiriza, n'omwoyo omulungi, bye byokulwanyisa byo.
Kubanga abalala abagaana okuba n'omwoyo ogwo omulungi bafiirwa
okukkiriza kwabwe.

20 Mu abo mwe muli Kumenayo ne Alegezanda be n'awaayo eri Setaani
bayige obutavumanga Katonda.

# 2

*Okusaba*

1 Okusookera ddala, mbasaba, musabenga, mwegayirirenga, era mwe-
bazenga Katonda ku lw'abantu bonna.

2 Era musabirenga bakabaka n'abafuzi abalala bonna, tulyoke tube
bulungi nga tuli mirembe, nga tussaamu Katonda ekitiibwa, era nga
twegendereza mu buli ngeri.

3 Ekyo kirungi era ekisiimibwa mu maaso ga Katonda Omulokozi waffe,

4 ayagala abantu bonna balokolebwe, era bategeere amazima.

5 Kubanga Katonda ali omu, era omutabaganya w'abantu ne Katonda ali
omu, ye muntu Kristo Yesu,

6 eyeewaayo abe omutango olwa bonna. Ekyo kyakakasibwa mu kiseera
kyakyo ekituufu.

7 Era nze kye nateekebwawo mbeere omutume era omuyigiriza
w'Abamawanga, mbategeeze eby'okukkiriza n'eby'amazima; njogera
bituufu sirimba.

8 Noolwekyo njagala abantu buli wantu, basabenga Katonda nga
bayimusa emikono gyabwe emirongoofu, nga tebalina busungu wadde
empaka.

9 Era kye njagala abakazi bambalenga ebyambalo ebisaanira, beegen-
derezenga, nga tebeemalira mu misono gya nviiri, ne mu kwewoomya
nga bambala ebya zaabu n'amayinja ag'omuwendo, wadde okwambala
engoye ez'omuwendo ennyo.

10 Wabula babe n'ebikolwa ebirungi, nga bwe kisaanira abakazi abas-
saamu Katonda ekitiibwa.

11 Mu kuyigirizibwa, omukazi asirikenga nga yeewombeese.

12 Sikkiriza mukazi kuyigiriza wadde okuba n'obuyinza ku musajja,
wabula asaana asirikenga.

13 Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, ne kuddako Kaawa.

14 Era Adamu si ye yasendebwasendebwa, wabula mukazi ye yasendeb-
wasendebwa, n'agwa mu kibi.

15 Kyokka omukazi alirokolerwa mu kuzaala abaana,
bw'ananywereranga mu kukkiriza ne mu kwagala ne mu butukuvu,
ne mu kwegendereza.

# 3

*Abalabirizi b'Ekkanisa*

1 Ekigambo kyesigwa. Omuntu yenna bw'ayagalanga okuba Omulabirizi
aba yeegombye omulimu omulungi.

2 Noolwekyo Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya
kunenyezebwa, nga musajja wa mukazi omu, nga muntu eyeefuga, nga
mwegendereza, nga mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, era ng'amanyi
okuyigiriza.
3 Tateekwa kuba mutamiivu, era nga si mukambwe, wabula omu-
wombeefu, nga si muyombi era nga talulunkanira nsimbi.
4 Ateekwa kuba ng'afuga bulungi amaka ge, abaana be nga bamuwulira,
era nga bamussaamu ekitiibwa.
5 Kubanga omuntu atasobola kufuga maka ge, alisobola atya okulabirira
ekkanisa ya Katonda?
6 Omulabirizi tateekwa kuba muntu eyaakakkiriza Kristo, si kulwa nga
yeekuluntaza, n'asalirwa omusango nga Setaani bwe yagusalirwa.
7 Asaanira okuba ng'assibwamu ekitiibwa abo abatali ba Kkanisa, si
kulwa nga yeereetako ekivume.

### *Abadiikoni*

8 Abadiikoni nabo kibagwanira okuba abantu abassibwamu ekiti-
ibwa abatataaganaaga mu bigambo byabwe, abatatamiira, era abatalu-
lunkanira bintu,
9 nga bakuuma ekyama ky'okukkiriza n'omutima omulongoofu.
10 Basookanga kugezesebwa balyoke baweereze mu budiikooni nga
tebaliiko kya kunenyezebwa.
11 N'abakazi Abadiikoni bwe batyo nabo kibagwanidde okubeeranga
abassibwamu ekitiibwa, abatawaayiriza, abeegendereza, era abeesigwa
mu buli kintu.
12 Omudiikoni ateekwa okuba n'omukazi omu yekka, era ng'asobola
okufuga obulungi abaana be, n'amaka ge.
13 Kubanga abaweereza obulungi bafuna ekifo ekya waggulu era baba
n'obuvumu bungi mu kukkiriza okuli mu Kristo.

### *Ekyama Ekikulu*

14 Nkuwandiikidde ebintu ebyo nga nsuubira okujja gy'oli mangu;
15 kyokka bwe ndirwa omanye by'osaana okukola mu nnyumba
ya Katonda, ye Ekkanisa ya Katonda omulamu, empagi n'omusingi
eby'amazima.
16 Tewali kubuusabuusa ekyama ky'okutya Katonda kikulu ddala, era
kigamba nti:
"Yalabisibwa mu mubiri,
n'akakasibwa Omwoyo nga bw'atuukiridde,
n'alabibwa bamalayika,
n'alangibwa mu mawanga,
n'akkirizibwa mu nsi,
era n'atwalibwa n'ekitiibwa mu ggulu."

## 4

### *Abayigiriza ab'Obulimba*

1 Mwoyo Mutukuvu ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma
walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bagoberera emyoyo egiwubisa,
n'enjigiriza ya baddayimooni,
2 nga bawubisibwa obukuusa bw'abantu abalimba, ab'emitima egiri
ng'egyasiriizibwa ekyuma ekyengeredde.

3 Abo be baziyiza abantu okufumbiriganwa, era abagaana okulya
ebyokulya ebimu Katonda bye yawa abakkiriza era abamanyi amazima,
okubiryanga nga bamwebaza.
4 Kubanga buli kitonde kya Katonda kyonna kirungi, era tekizira, kasita
kiriirwa mu kwebaza,
5 kubanga kitukuzibwa na kigambo kya Katonda, n'okukisabira.

### *Omuweereza Omulungi owa Kristo Yesu*

6 Bw'onootuusa ebigambo ebyo ku booluganda, onooba muweereza
mulungi owa Kristo Yesu, ng'oliisibwa n'ebigambo eby'okukkiriza,
n'enjigiriza ennungi gye wagoberera.
7 Naye enfumo ezitaliimu, ezitasaana kunyumizibwa, zeewalenga.
Weemanyiizenga okutya Katonda.
8 Kubanga okumanyiiza omubiri kigasa katono, naye okutya Katonda
kugasa mu byonna, kubanga kuleeta essuubi ery'omu bulamu buno era
n'ery'obwo obugenda okujja.
9 Ekigambo ekyo kyesigwa era kisaana okukkiririza ddala.
10 Era kyetuva tutegana ne tufuba, kubanga essuubi lyaffe liri mu
Katonda omulamu, Omulokozi w'abantu bonna, na ddala abakkiriza.
11 Lagiranga ebyo, era obiyigirizenga.
12 Waleme kubaawo muntu n'omu akunyooma olw'obuvubuka bwo,
naye mu kwogera ne mu bikolwa, ne mu kwagala, ne mu kukkiriza, ne
mu bulongoofu beeranga kyakulabirako eri abakkiriza.
13 Nyiikiranga okusomera abantu Ebyawandiikibwa mu lwatu
n'okubuuliriranga, n'okuyigiriza okutuusa lwe ndijja.
14 Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bunnabbi
abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe.
15 Ebyo biteeke mu nkola, era bissengako omwoyo, bonna balyoke balabe
bwe weeyongera okukola obulungi.
16 Weekuumenga mu mpisa zo, ne mu by'oyigiriza era obinywerereko.
Bw'onookola bw'otyo olyerokola ggwe wennyini, era n'abo abakuwulira.

## 5

### *Obuvunaanyizibwa bw'Abakkiriza*

1 Tokambuwaliranga musajja mukulu, wabula omubuuliriranga nga
kitaawo. Abavubuka bayisenga nga baganda bo,
2 abakazi abakadde bayisenga ng'abazadde bo, abato nga bannyoko,
ng'omutima gwo mulongoofu ddala.
3 Bannamwandu ddala, bassengamu ekitiibwa.
4 Nnamwandu bw'abanga n'abaana oba abazzukulu basookenga
okuyiga ebyo ebikolebwa mu maka ge waabwe, nga bassaayo omwoyo ku
bazadde baabwe era n'okubalabirira. Kubanga ekyo kisanyusa Katonda.
5 Oyo aba nnamwandu ddala, asigadde yekka, essuubi lye aba alitadde
mu Katonda, era anyiikire okwegayirira n'okusaba Katonda emisana
n'ekiro.
6 Kyokka oyo nnamwandu eyeemalira mu masanyu, aba ng'afudde,
newaakubadde ng'akyali mulamu.
7 Ebyo bibalagire, baleme kubaako kya kunenyezebwa.
8 Naye omuntu yenna bw'atalabirira bantu be, na ddala ab'omu
nnyumba ye, aba yeegaanyi okukkiriza, era aba mubi okusinga atakkiriza.

9 Nnamwandu awezezza emyaka enkaaga ye yekka anaawandiikibwanga ku lukalala lwa bannamwandu. Era ateekwa kuba nga yafumbirwa omusajja omu,
10 nga yakolanga ebikolwa ebirungi, oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, oba nga yayambanga abanyigirizibwa, era oba nga yeewangayo nnyo okukola obulungi mu buli ngeri.
11 Naye bannamwandu abakyali abato, tokkirizanga okubateeka ku lukalala lwa bannamwandu, kubanga omubiri bwe gulibalemesa okweweerayo ddala eri Kristo, balyagala okufumbirwa,
12 bwe batyo ne bessaako omusango olw'obutatuukiriza ekyo kye baasooka okusuubiza.
13 N'ekirala bayiga okubeera abagayaavu ne batambulatambula mu buli nnyumba, so si bugayaavu kyokka, naye era balina olugambo, era beeyingiza mu bitali byabwe ne boogera n'ebitasaana.
14 Kyenva njagala bannamwandu abato bafumbirwenga, bazaale abaana, era balabirire amaka gaabwe, baleme kuwa mulabe kkubo lya kutwogerako kibi.
15 Kubanga bannamwandu abamu bakyamye ne bagoberera Setaani.
16 Naye bwe wabaawo omukkiriza alina bannamwandu ab'olulyo lwe abalabirirenga, Ekkanisa ereme okuzitoowererwa, kiryoke kisoboke okulabirira bannamwandu abataliiko abayamba.
17 Abakulembeze abafuga basaanidde okuweebwanga ekitiibwa kingi, na ddala abo abanyiikira ennyo mu kubuulira n'okuyigiriza ekigambo kya Katonda.
18 Kubanga Ekyawandiikibwa kigamba nti, “Ente ng'ewuula eŋŋaano, togisibanga mumwa.” Era nti, “Omukozi asaanira okusasulwa empeera ye.”
19 Tokkirizanga ebyo bye bavunaana omukulembeze okuggyako nga biriko abajulirwa babiri oba basatu.
20 Kyokka abo aboonoona banenyezenga mu lwatu, abalala balyoke batye.
21 Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, ne bamalayika abalonde okugobereranga ebyo, nga teweekubira wadde okusaliriza.
22 Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abalala; weekuumenga ng'oli mulongoofu.
23 Lekeraawo okunywanga amazzi gokka, naye nywanga ne ku wayini mutono olw'olubuto lwo, n'olw'okulwalalwala kwo.
24 Ebibi by'abantu abamu birabika lwatu nga tebannasalirwa musango kubasinga, naye eby'abalala birabika luvannyuma.
25 N'ebikolwa ebirungi nabyo bwe bityo birabika lwatu; ne bwe biba tebirabise lwatu, tebiyinza kukwekebwa bbanga lyonna.

# 6

*Eby'abaddu ne Bakama Baabwe*

1 Abo bonna abali mu kikoligo ky'obuddu, basaana okussaamu bakama baabwe ekitiibwa, erinnya lya Katonda, awamu n'okuyigiriza kwaffe bireme kuvvoolebwa.
2 Abaddu abalina bakama baabwe abakkiriza tebabanyoomanga, okubanga baganda baabwe, wabula bonna bongere bwongezi

okubaweereza, kubanga bakkiriza era baagalwa, era be bayambibwa
olw'okuweereza kwabwe okulungi.

### *Omugaso gw'Okussaamu Katonda Ekitiibwa*

Bino bibayigirizenga era obibakuutirenga.
3 Omuntu yenna bw'ayigirizanga mu ngeri endala, nga takki-
riziganya na bigambo ebya Mukama waffe Yesu Kristo ebireeta obulamu
n'okugobereranga enjigiriza ey'okutya Katonda,
4 aba ajjudde okwekuluntaza era aba taliiko ky'ategeera naye aba
aguddemu akazoole ak'okubuzaabuza mu buli kintu, n'okuwakana
ku buli kigambo n'ekivaamu bwe buggya, n'okuyomba, n'okuvuma,
n'okuwaayira,
5 n'okukaayana. Ebyo bikolebwa abantu abaayonooneka ebirowoozo,
abatakyalina mazima, abalowooza ng'okufuna amagoba kwe kutya Ka-
tonda.
6 Weewaawo okutya Katonda kulimu amagoba mangi, omuntu
bw'amalibwa mu ekyo ky'alina.
7 Kubanga tetulina kye twajja nakyo mu nsi, era tetuliiko kye tuliggyamu
nga tuvaamu.
8 Naye bwe tuba n'emmere, n'ebyokwambala ebyo bitumalenga.
9 Abo abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu katego
ak'okwegomba okw'obusirusiru era okw'akabi, okunnyika abantu mu
kubula ne mu kuzikirira.
10 Kubanga okululunkanira ensimbi y'ensibuko y'ebibi byonna, era
olw'okululunkana okwo abamu bawabye, ne bava mu kukkiriza, ne
beereetera obulumi bungi mu mitima gyabwe.

### *Okulabula*

11 Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebintu ebyo, ogob-
ererenga obutuukirivu, n'okutya Katonda, n'okukkiriza, n'okwagala,
n'okugumiikiriza, n'obuwombeefu.
12 Lwananga okulwana okulungi okw'okukkiriza, nywezanga obulamu
obutaggwaawo bwe wayitirwa, n'oyatula okwatula okulungi mu maaso
g'abajulirwa abangi.
13 Nkukuutira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne mu
maaso ga Kristo Yesu eyayatula okwatula okulungi mu maaso ga Pontiyo
Piraato,
14 okuumenga ekiragiro nga tekiriiko bbala, wadde eky'okunenyezebwa
okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo,
15 kw'aliraga mu ntuuko zaakwo, aweebwa omukisa era nnannyini
buyinza yekka, Kabaka wa bakabaka bonna, era Mukama wa bakama,
16 ye yekka atafa era atuula mu kwakaayakana okutasemberekeka, era
tewali n'omu yali amulabye, so tewali asobola kumulaba, oyo aweebwe
ekitiibwa, n'obuyinza obutaggwaawo, Amiina.

### *Okulabula Abagagga*

17 Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano, obuteekulun-
taza, wadde okwesiga obugagga kubanga si bwa lubeerera, wabula beesige
Katonda atuwa byonna olw'okwesanyusanga,
18 bakole ebirungi, babe bagagga mu bikolwa ebirungi, nga bagabi, era
abaagala okugabana n'abalala.
19 Bwe batyo beeterekere obugagga obw'engeri eyo nga gwe musingi
omulungi ogw'ebiseera ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu
bwennyini.

20 Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa. Weewalenga ebigambo ebivvoola, era ebitaliimu nsa, n'empaka ez'ebigambo ebiyitibwa eby'amagezi naye nga bya bulimba,
21 abantu abamu ge balowooza okuba nago, ne basubwa ekigendererwa mu kukkiriza.

Ekisa kibeerenga nammwe.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu Eyookubiri eri Timoseewo

1 Nze, Pawulo, omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda,
ng'okusuubiza bwe kuli okw'obulamu obuli mu Kristo Yesu,
2 nkuwandiikira ggwe Timoseewo omwana wange omwagalwa, nga
nkwagaliza ekisa n'okusaasirwa, n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe,
ne Kristo Yesu Mukama waffe.

*Okwebaza n'Okugumya*

3 Neebaza Katonda gwe mpeereza mu mwoyo omulungi nga bajjajjange
bwe baakola, nga nkujjukira obutayosa mu kusaba kwange emisana
n'ekiro.
4 Bwe nzijukira amaziga go ne neegomba okukulaba ndyoke nzijule
essanyu.
5 Nzijukira okukkiriza kwo okw'amazima olubereberye okwali mu
jjajjaawo Looyi ne mukadde wo Ewuniike; era nga nkakasiza ddala nga
naawe okulina.
6 Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe
kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange.
7 Kubanga Mwoyo wa Katonda, gwe yatuwa tatufuula bati, wabula
atuwa amaanyi, n'okwagala era n'okwegendereza.
8 Noolwekyo tokwatibwa nsonyi kwogera ku bya Mukama waffe, wadde
ku nze omusibe we, wabula naawe bonaabona olw'Enjiri ng'oyambibwa
amaanyi ga Katonda,
9 eyatulokola n'atuyita tubeere babe. Ekyo yakikola nga tasinziira
ku bikolwa byaffe, wabula ng'asinziira mu kuyitibwa okutukuvu, si
ng'ebikolwa byaffe bwe biri, naye olw'ekigendererwa kye ye, n'ekisa kye,
kye yatukwatirwa ng'ayita mu Kristo Yesu okuva edda n'edda Lyonna.
10 Kaakano ekisa ekyo kyolesebbwa mu kulabika kw'Omulokozi waffe
Kristo Yesu eyaggyawo okufa, n'aleeta obulamu obutazikirizibwa ng'ayita
mu Njiri,
11 gye nalonderwa okugisaasaanya, n'okuba omutume, era omuyigiriza,
12 era kyenva mbonaabona bwe ntyo. Kyokka sikwatibwa nsonyi,
kubanga mmanyi gwe nakkiriza, era nkakasa nti ayinza okukuuma ekyo
kye namuteresa okutuusa olunaku luli.
13 Gobereranga ebigambo ebireeta obulamu bye wawulira njogera, mu
kukkiriza ne mu kwagala mu Kristo Yesu.
14 Ekintu ekirungi eky'omuwendo kye wateresebwa kikuumenga
ng'oyambibwa Mwoyo Mutukuvu abeera mu ffe.
15 Kino okimanyi, ng'ab'omu Asiya bonna banjabulira, mu abo mwe
muli Fugero ne Kerumogene.
16 Mukama akwatirwe ekisa ab'omu nnyumba ya Onesifolo, kubanga
yambeesabeesa emirundi mingi era teyankwatirwa nsonyi kubanga ndi
musibe;
17 bwe yatuuka e Ruumi, yafuba nnyo okunnoonya era n'anzuula.
18 Mukama amukwatirwe ekisa ku lunaku luli. Era gw'omanyi bulungi
nnyo byonna bye yakola mu Efeso.

# 2

### *Omuserikale Omwesigwa owa Kristo*

1 Noolwekyo mwana wange nywereranga mu kisa ekiri mu Kristo Yesu.
2 Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi
biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala.
3 Naawe bonaabonanga ng'omuserikale omulungi owa Kristo Yesu.
4 Tewali muserikale ng'ali ku lutalo eyeeyingiza mu mitawaana
gy'abantu abaabulijjo, alyoke asiimibwe oyo eyamuwandiika.
5 Omuntu yenna eyeetaba mu mizannyo gy'empaka, taweebwa buwan-
guzi bw'atagoberera biragiro bya mizannyo egyo.
6 Omulimi ategana ennyo y'asaanira okufuna ku bibala ebibereberye.
7 Kale lowooza ku bye ŋŋamba; Mukama ajja kukuwa okutegeera
byonna.
8 Jjukira nga Yesu Kristo ow'omu zzadde lya Dawudi yazuukira mu bafu
ng'Enjiri gye ntegeeza bw'egamba.
9 Olw'Enjiri eyo, kyenva mbonaabona n'ensibibwa ng'omukozi w'ebibi.
Naye ekigambo kya Katonda kyo tekisibiddwa.
10 Kyenva ngumira ebintu byonna olw'abalonde nabo balyoke
balokolebwe era bafune, n'ekitiibwa ekitaggwaawo ekiri mu Kristo Yesu.
11 Ekigambo kino kyesigwa ekigamba nti:

"Obanga twafiira wamu naye,
era tulibeera balamu wamu naye.
12 Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye.
Obanga tumwegaana era naye alitwegaana.
13 Ffe bwe tutaba beesigwa, ye aba mwesigwa,
kubanga teyeewakanya."

### *Omukozi Katonda gw'Asiima*

14 Ebyo bijjukizenga abantu ng'obakuutirira mu maaso ga Katonda, bee-
walenga okuwakana okutalina mugaso, nga bakyamya abo abawuliriza.
15 Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, ng'oli mukozi akola
ebitakuswaza, era nga weekuumira mu kkubo ery'obubaka obw'amazima.
16 Weewalenga ebigambo ebinyooma era ebitaliimu nsa, kubanga
abantu bibongera bwongezi mu butatya Katonda.
17 Era ebigambo byabwe birisaasaana nga kookolo; mu abo mwe muli
Kumenayo ne Fireeto,
18 abaakyama ne bava ku mazima, nga bagamba nti okuzuukira
kwabaawo dda, era waliwo abamu be bakyamizza.
19 Kyokka omusingi Katonda gwe yateekawo mugumu, era gulina
akabonero kano: "Mukama amanyi ababe." Era nti: "Buli ayatula erinnya
lya Mukama ave mu butali butuukirivu."
20 Mu nnyumba ennene temubaamu bintu bya zaabu na ffeeza byokka,
naye mubaamu n'eby'emiti, era n'eby'ebbumba. Ebimu bikozesebwa
emirimu egy'ekitiibwa, n'ebirala egitali gya kitiibwa.
21 Noolwekyo buli eyeewala ebintu ebyo ebitali bya kitiibwa anaa-
banga ow'ekitiibwa, atukuziddwa, asaanira okukozesebwa mukama we,
olw'omulimu omulungi.
22 Naye ddukanga okwegomba okubi okw'ekivubuka, ogobererenga
obutuukirivu, n'okukkiriza, n'okwagalana era n'emirembe awamu n'abo
abasaba Mukama n'omutima omulongoofu.

23 Weewalenga empaka ez'obusirusiru, ezitaliimu magezi, kubanga
omanyi nti zivaamu okulwana.
24 Omuddu wa Mukama tasaana kulwana, wabula okuba omukkakkamu
eri bonna, n'okuba omuyigiriza omulungi agumiikiriza,
25 era aluŋŋamya n'obwetoowaze abo abamuwakanya, oboolyawo
Katonda alibawa okwenenya, ne bamanya amazima,
26 ne bava mu mutego gwa Setaani gwe baguddemu abakozese
by'ayagala, ne badda engulu mu kutegeera kwabwe.

# 3

*Ennaku ez'Oluvannyuma*

1 Naye tegeera kino nga mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo ebiseera
ebizibu.
2 Kubanga abantu baliba nga beefaako bokka, nga balulunkanira
ensimbi, nga beepanka, nga beekuluntaza, nga boogera ebibi, era nga
tebawulira bazadde baabwe, nga tebeebaza, nga tebatya Katonda,
3 nga tebaagalana era nga tebatabagana, nga bawaayiriza, nga tebeegen-
dereza, nga bakambwe, nga tebaagala birungi,
4 nga ba nkwe, nga baagala eby'amasanyu okusinga bwe baagala
Katonda;
5 nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda so nga tebakkiriza maanyi
gaakyo. Abantu ab'engeri eyo obeewalanga.
6 Mu abo mulimu abasensera mu mayumba ne bawamba abakazi
abanafu mu mwoyo abazitoowereddwa ebibi, era abawalulwa okwe-
gomba okubi okwa buli ngeri,
7 abayiga bulijjo, kyokka ne batatuuka ku kutegeerera ddala amazima,
8 nga Yane ne Yambere abaawakanya Musa, ne bano bwe batyo
bawakanya amazima. Be bantu abaayonooneka ebirowoozo, abatakyalina
kukkiriza kutuufu.
9 Kyokka tebaliiko gye balaga, kubanga obusirusiru bwabwe bujja
kumanyibwa abantu bonna, ng'obwa abasajja abo bwe bwamanyibwa.
10 Naye ggwe wagoberera nnyo okuyigiriza kwange, n'empisa zange,
ne kye nduubirira, n'okukkiriza kwange n'okubonaabona kwange
n'okwagala kwange, n'okugumiikiriza kwange,
11 n'okuyigganyizibwa n'okubonyaabonyezebwa ebyantukako mu An-
tiyokiya, ne mu Ikoniya ne mu Lisitula, okuyigganyizibwa kwe nayiggany-
izibwa, kyokka Mukama n'amponya mu byonna.
12 Era bonna abaagala okuba mu bulamu obutya Katonda mu Kristo
Yesu, banaayigganyizibwanga.
13 Naye abakozi b'ebibi n'abalimba abeefuula okuba ekyo kye batali
balyeyongera okuba ababi, ne babuzaabuza abalala, era nabo ne babula.
14 Kyokka ggwe nywereranga mu ebyo bye wayiga era n'obikkiririza
ddala, ng'omanyi abaabikuyigiriza bwe bali.
15 Kubanga okuva mu buto bwo wamanya Ebyawandiikibwa Ebitukuvu
ebiyinza okukufuula ow'amagezi, n'olokolebwa olw'okukkiriza Kristo
Yesu.
16 Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga
biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya
ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu,
17 omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna
ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi.

# 4

1 Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, anaatera okusalira
abalamu n'abafu omusango, era n'olw'okujja kwe, n'olw'obwakabaka
bwe,
2 buuliranga ekigambo kya Katonda, ng'oli mwetegefu mu kiseera
ekituufu n'ekitali kituufu, ng'olaga ebikwekeddwa, ng'onenya,
ng'ozaamu amaanyi, wakati mu kugumiikiriza, n'okubonaabona okungi,
n'okuyigiriza.
3 Kubanga ekiseera kijja lwe baligaana okuwulira enjigiriza entuufu,
era olw'okugoberera okwegomba kwabwe balyekuŋŋaanyiza abayigiriza,
abalibayigiriza bye baagala, okuwulira.
4 Baligaana okuwuliriza eby'amazima, ne bagoberera enfumo obufumo.
5 Naye ggwe weefugenga mu bintu byonna, ogumirenga ebiz-
ibu, ng'okola omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, ng'otuukiririza ddala
obuweereza bwo.
6 Nze kaakano mpebwayo, era ekiseera kyange eky'okuva ku nsi kituuse.
7 Nnwanye okulwana okulungi, mmalirizza olugendo lwange, nkuumye
okukkiriza kwange.
8 Kye nsigazza kwe kufuna engule ey'obutuukirivu enterekeddwa,
Mukama omulamuzi omutuukirivu gy'alimpeera ku lunaku luli. Taligiwa
nze nzekka, naye aligiwa n'abo bonna abeegomba okujja kwe.
9 Fuba okujja amangu gye ndi.
10 Kubanga Dema yandekawo ng'ayagala omulembe gwa kaakano,
n'agenda e Sessaloniika. Kulesuke yagenda Ggalatiya ne Tito n'agenda
e Dalumatiya.
11 Lukka yekka y'ali nange. Ggyayo Makko omuleete, kubanga an-
nyamba nnyo mu buweereza.
12 Tukiko n'amutuma mu Efeso.
13 Bw'obanga ojja ondeeteranga omunagiro gwange gwe naleka e
Tulowa ewa Kappo. Ondeeteranga n'emizingo gy'ebitabo, na ddala egyo
egy'amaliba.
14 Alegezanda, omuweesi w'ebikomo yankola ebyettima bingi. Mukama
alimusasula olw'ebikolwa bye.
15 Naawe mwekuume, kubanga yawakanya nnyo ebigambo byaffe.
16 Mu kuwoza kwange okwasooka, tewaali n'omu yajja kubeera nange,
bonna banjabulira. Nsaba Katonda ekyo kireme kubavunaanibwa.
17 Kyokka Mukama waffe yabeera nange, n'ampa amaanyi, ne nsobola
okutegeereza ddala Abaamawanga bonna Enjiri ne bagiwulira, bw'atyo
n'anziggya mu kamwa k'empologoma.
18 Era Mukama anamponyanga mu buli kabi, era alintuusa mirembe
mu bwakabaka bwe. Mukama agulumizibwenga emirembe n'emirembe.
Amiina.

### *Okulamusa n'Omukisa*

19 Nnamusiza Pulisika ne Akula n'ab'omu maka ga Onesifolo.

20 Erasuto yasigalayo mu Kkolinso, ate Tulofiimo namuleka mu Mireeto
nga mulwadde.
21 Fuba ojje ng'ebiseera by'obutiti tebinnaba kutuuka.

Ewubulo akulamusizza, ne Pudente, ne Lino, ne Kulawudiya,
n'abooluganda bonna.

22 Mukama waffe abeerenga n'omwoyo gwo. Ekisa kibeerenga nammwe
mwenna.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Tito

1 Pawulo omuweereza wa Katonda, era omutume wa Yesu Kristo
ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda bwe kuli n'okutegeera amazima
agali mu kutya Katonda,
2 ebyesigamye ku kusuubira okw'obulamu obutaggwaawo, Katonda
ow'amazima kwe yasuubiza ng'ebiro eby'emirembe n'emirembe
tebinnabaawo,
3 naye mu ntuuko zaabyo, yayolesa ekigambo kye mu kubuulira Enjiri,
kwe nateresebwa ng'ekiragiro kya Katonda Omulokozi waffe bwe kiri,
4 eri Tito omwana wange ddala ng'okukkiriza kwaffe ffenna okwa
awamu bwe kuli, n'ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo
Yesu omulokozi waffe.

5 Kyennava nkuleka mu Kuleete, olyoke otereeze ebyo ebyetaaga
okutereeza, era otekewo n'abakadde* b'ekkanisa mu buli kibuga, nga bwe
nakulagira.
6 Omuntu ateekwa okuba nga taliiko kya kunenyezebwa, nga musajja
alina omukazi omu, era nga n'abaana baabwe bakkiriza, nga tebalina kibi
kiyinza kuboogerwako era nga tebeenyigira mu bikolwa bya buseegu oba
mu bujeemu.
7 Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya kunenyezebwa
ng'omuwanika wa Katonda, nga si mukakanyavu, nga si wa busungu, nga
si mutamiivu, nga si mukambwe, nga teyeegomba kufuna magoba mu
bukuusa
8 naye ayaniriza abagenyi, ayagala okukola obulungi, omutegeevu, nga
mwenkanya, nga mutukuvu, era ng'amanyi okwefuga.
9 Ateekwa okuba omuntu anywerera ku kigambo ekyesigwa, alyoke
asobole okunnyonnyola abantu enjigiriza entuufu, n'okulaga obukyamu
bw'abo abagiwakanya.
10 Kubanga waliwo bangi abawakana, aboogera ebitaliimu era abalimba,
n'okusingira ddala abo ab'omu bakomole.
11 Basaanye okusirisibwa, kubanga boonoona buli maka, nga bayigiriza
ebitabagwanidde, balyoke beefunire amagoba ag'obukuusa.
12 Omu ku bo, nnabbi waabwe bo kyeyava agamba nti, "Abakuleete
balimba bulijjo, z'ensolo enkambwe, era ba mululu ate bagayaavu."
13 Kye yagamba kya mazima. Noolwekyo oteekwa okubanenya
n'amaanyi kiryoke kibaleetere okukkiriza okutuufu,
14 balekeraawo okuwuliriza enfumo ez'Ekiyudaaya, n'ebiragiro abantu
abakyama okuva ku mazima bye bagunja.
15 Eri abalongoofu, ebintu byonna biba birongoofu, naye eri abo abatali
balongoofu n'abatakkiriza, tewaba kirongoofu na kimu. Kubanga amagezi
gaabwe n'ebirowoozo byabwe byayonooneka.
16 Bagamba nti bamanyi Katonda, naye mu bikolwa byabwe bamwe-
gaana. Bagwenyufu era bajeemu, tebasaanira kuweebwa mulimu mulungi
n'akatono.

* **1:5** abakadde kitegeeza abantu abakulu mu kukkiriza abateekebwamu ekitiibwa abayinza okulondebwa ku nkiiko z'amakkanisa

# 2

*Enjigiriza Entuufu*

1 Naye ggwe yogeranga ebyo ebitayawukana na njigiriza entuufu.
2 Kubirizanga abasajja abakulu babe bateefu, abassibwamu ekitiibwa,
abeegendereza, abajjudde okukkiriza, okwagala n'okugumiikiriza.
3 Abakazi abakulu nabo bakubirize bw'otyo babe n'empisa ezisaanira
abantu ba Katonda, nga tebawaayiriza, era nga tebatamiira, wabula nga
bayigiriza ebirungi,
4 balyoke basobole okugunjula abakazi abato okwagalanga ba bbaabwe
awamu n'abaana baabwe.
5 Era babenga beegendereza, era abalongoofu, era abakola obulungi
emirimu mu maka gaabwe, era abawulize eri ba bbaabwe, ekigambo kya
Katonda kiremenga okuvvoolebwa.
6 N'abavubuka bakubirizenga babe beegendereza,
7 mu bintu byonna, ng'obeera ekyokulabirako ekirungi mu byonna
by'okola, ng'oli mwesimbu era assaayo omwoyo mu kuyigiriza kwo.
8 Buli ky'oyogera kiteekwa okuba nga tekiriiko kya kunenyezebwa, oyo
awakanya alyoke aswale, nga talina kibi kya kukwogerako.
9 Era kubirizanga abaddu bawulirenga bakama baabwe era
babagonderenga mu byonna, nga tebabawakanya,
10 wadde okubabbangako ebyabwe. Wabula babenga beesigwa ddala
mu byonna, nga beeyisa bulungi, abantu balyoke bayaayaanire okuyigi-
riza kwa Katonda Omulokozi waffe mu buli ngeri yonna.
11 Kubanga ekisa kya Katonda ekireetera abantu bonna obulokozi
kirabise,
12 era kituyigiriza tuleke obutatya Katonda, n'okwegomba kw'ensi,
tulyoke tube beegendereza, abatuukirivu abatya Katonda nga tuli mu
mulembe gwa kaakano;
13 nga tulindirira olunaku lwe tusuubira, n'okulabika kw'ekitiibwa kya
Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo;
14 eyeewaayo ku lwaffe, alyoke atununule mu bujeemu bwaffe bwonna,
era yeerongooseza eggwanga ery'envuma, erinyiikirira ebikolwa ebirungi.
15 Ebyo by'obanga oyigiriza abantu. Buuliriranga era nenyanga
n'obuyinza bwonna. Omuntu yenna takunyoomanga.

# 3

*Okuwabula Abakkiriza*

1 Ebintu ebyo bijjukizenga abafuzi n'ab'obuyinza, babiwulirenga, era
babigonderenga, era babenga beetegefu okukola buli mulimu omulungi.
2 Bakuutire baleme kwogerebwako bubi, era beewalenga okuyomba,
babenga bakkakkamu era babeerenga bawombeefu eri abantu bonna.
3 Kubanga naffe ffennyini twali basirusiru era abajeemu, nga tuwabye,
era nga tufugibwa okwegomba kwaffe okubi, n'amasanyu aga buli ngeri,
nga tuli ba ttima era ab'obuggya, nga tukyayibwa era nga tukyawagana.
4 Naye ekisa kya Katonda Omulokozi waffe n'okwagala kwe bwe
byalabika,
5 n'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola, wabula
olw'okusaasira kwe mu kunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi
ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olwa Mwoyo Mutukuvu,
6 gwe yatuyiwako mu bungi ku lwa Yesu Kristo Omulokozi waffe.

7 Bwe tulimala okutukuzibwa olw’ekisa kye, tulyoke tufune omugabo
mu kusuubira obulamu obutaggwaawo.
8 Ekigambo ekyo kyesigwa, era nkukuutira ebyo obinywezenga abakki-
riza Katonda bajjukirenga okukola ebikolwa ebirungi; ebintu ebyo birungi
era bigasa abantu.
9 Naye weewalenga empaka ez’obusirusiru, n’okukaayana ku nkalala
eziraga obuzaale bw’abantu, n’ennyombo, n’entalo ebikwata ku mateeka;
kubanga tebiriiko kye bigasa era tebiriimu nsa.
10 Omuntu ayawulayawula mu bantu bw’omalanga okumulabula omu-
lundi ogusooka, era n’ogwokubiri, omwewalanga,
11 kubanga omuntu ng’oyo aba amaze okukyamizibwa mu kibi, era nga
yeesalira yekka omusango.

12 Bwe nkutumiranga Atema oba Tukiko, oyanguwanga okujja gye ndi
mu Nikopoli, kubanga nsazeewo okubeera eyo mu biseera eby’obutiti.
13 Fuba okusibirira Zeena munnamateeka ne Apolo obatume babe nga
tebaliiko kye beetaaga.

14 Era kubiriza abantu baffe bayige okukolanga emirimu omuva
ebyetaagibwa, balemenga kubeera awo nga tebaliiko kye bagasa.

15 Bonna abali nange bakulamusizza.
Olamuse abo bonna abatwagala mu kukkiriza.

Ekisa kibeerenga nammwe mwenna.

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri Firemooni

1 Pawulo, omusibe wa Kristo Yesu, n'owooluganda Timoseewo, tuwandi-
ikira ggwe Firemooni, mukozi munnaffe omwagalwa,
2 ne Apofiya mwannyinaffe, ne Alukipo mulwanyi munnaffe, n'Ekkanisa
yonna ekuŋŋaanira mu nnyumba yo.

3 Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu
Kristo bibeerenga nammwe.

*Okusaba n'Okwebaza*

4 Bulijjo bwe mba nga nkusabira neebaza Katonda,
5 kubanga buli kiseera mpulira nga bw'olina okwagala n'okukkiriza eri
Mukama waffe Yesu n'eri abatukuvu bonna.
6 Nsaba nti nga bw'ogenda otegeeza abantu okukkiriza kwo, nabo
kubanyweze mu bulamu bwabwe, nga bategeerera ddala ebirungi byonna
ebiri mu ffe ku bwa Kristo.
7 Nsanyuka nnyo era ne nziramu amaanyi olw'okwagala kwo, kubanga
emitima gy'abatukuvu giziddwa buggya ku lulwo owooluganda.

*Pawulo Yeegayiririra Onesimo*

8 Noolwekyo newaakubadde era, nga nnina obuvumu mu Kristo, nga
nandisobodde okukulagira okukola ekyo ky'osaanira okukola,
9 naye okwagala kwange gy'oli kumpaliriza okukusaba obusabi, nze,
Pawulo, kaakano akaddiye, era ali mu kkomera olwa Kristo Yesu;
10 nkwegayirira ku bikwata ku mwana wange Onesimo gwe nayamba
okukkiriza Mukama waffe nga ndi mu njegere, mu busibe,
11 Onesimo oyo, gye buvuddeko ataali wa mugaso gy'oli, naye kaakano
nga wa mugaso nnyo gye tuli ffembi,
12 gwe naaweereza gy'oli nga n'omutima gwange gujjirako,
13 oyo gwe nandyagadde okwesigaliza, ampeereze nga ndi mu busibe
olw'enjiri, mu kifo kyo mwe wandibadde onnyambira,
14 naye ne saagala kukikola nga tonzikirizza. Saagala okole eky'ekisa
olwokubanga oteekwa, wabula kikole lwa kweyagalira.
15 Kiyinzika okuba nga Onesimo yakwawukanako okumala akaseera,
oluvannyuma alyoke abeere naawe ebbanga lyonna,
16 nga takyali muddu buddu, naye ng'asingako awo, ng'afuuse owoolu-
ganda omwagalwa ennyo, na ddala gye ndi. Kaakano ajja kubeera wa
mugaso nnyo gy'oli mu mubiri ne mu Mukama waffe.
17 Obanga ddala ndi munno, mwanirize mu ngeri y'emu nga bwe
wandinnyanirizza singa nze mbadde nzize.
18 Obanga waliwo ekintu ekibi kye yakukola, oba ekintu ky'omubanja,
kimbalirweko.
19 Kino nkiwandiika mu mukono gwange nze, Pawulo, nti ndikusasula.
Sijja kukugamba nti olina ebbanja lyange.
20 Munnange owooluganda, nkolera ekikolwa kino ekiraga okwagala,
omutima gwange guddemu amaanyi mu Kristo.

21 Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga neesigira ddala nga kye nkusaba
ojja kukikola n'okusingawo!
22 Nninayo n'ekirala kye nkusaba; nkusaba ontegekere we ndisula,
kubanga nnina essuubi, nga Katonda okusaba kwammwe ajja kukuddamu
anzikirize nkomewo gye muli.

### *Okusiibula*

23 Epafula, musibe munnange olw'okubuulira Enjiri ya Kristo Yesu,
abalamusizza.
24 Ne bakozi bannange bano: Makko, ne Alisutaluuko, ne Dema, ne
Lukka nabo babalamusizza.

25 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga n'omwoyo
gwammwe.

# Ebbaluwa eri Abaebbulaniya

*Omwana Mukulu Okusinga Bamalayika*

1 Edda, Katonda yayogeranga ne bajjajjaffe mu ngeri nnyingi
ez'enjawulo ng'ayita mu bannabbi;
2 naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe ng'ayita mu
Mwana, gwe yalonda okuba omusika wa byonna, era mu oyo mwe
yatondera ensi n'ebintu byonna ebirimu.
3 Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala
bw'ali, era abeezaawo buli kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe
yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva mu bibi, n'atuula ku
mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu.
4 Bw'atyo n'asinga bamalayika, nga kyeragira ku linnya lye okuba
ery'ekitiibwa okusinga amannya gaabwe.
5 Kubanga ani ku bamalayika gwe yali ayogeddeko nti,

“Ggwe oli Mwana wange,
Leero nkuzadde?”
Era nate nti, “Nze nnaabeeranga Kitaawe gy'ali
naye anaabeeranga Mwana wange gye ndi?”

6 Era nate bw'aleeta Omwana we omubereberye mu nsi, agamba nti,
“Bamalayika ba Katonda bonna bamusinzenga.”
7 Era ayogera ku bamalayika nti,
“Afuula bamalayika be ng'empewo,
n'afuula n'abaweereza be ng'ennimi z'omuliro.”
8 Naye ku Mwana ayogera nti,
“Entebe yo ey'Obwakabaka, Ayi Katonda, ya lubeerera emirembe n'emirembe;
obutuukirivu, gwe muggo ogw'obwakabaka bwo.
9 Wayagala obutuukirivu n'okyawa obujeemu.
Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako
amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno.”
10 Ayongera n'agamba nti,
“Mukama ku lubereberye wassaawo omusingi gw'ensi,
era n'eggulu mirimu gwa mukono gwo.
11 Ebyo biriggwaawo, naye ggwe olibeerera emirembe gyonna,
era byonna birikaddiwa ng'ekyambalo bwe kikaddiwa.
12 Era olibizingako ng'ekooti bwe zingibwako,
era birikyusibwa ng'ekyambalo bwe kikyusibwa.
Naye ggwe oba bumu,
so n'emyaka gyo tegirikoma.”
13 Ani ku bamalayika gwe yali agambye nti,
“Tuula wano ku mukono gwange ogwa ddyo,
okutuusa lwe ndifufuggaza abalabe bo,
ne bafuuka entebe y'ebigere byo”?
14 Bamalayika bonna, myoyo egitumibwa okuweereza abo abagenda
okusikira obulokozi.

# 2

*Okulabula Okussaayo Omwoyo*

1 Kyekivudde kitusaanira okussaayo ennyo omwoyo ku bintu bye
twawulira, si kulwa nga tuwaba ne tubivaako.
2 Obanga ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyakola, na buli
eyayonoona era n'ajeemera ekigambo ekyo, yaweebwa ekibonerezo
ekimusaanira,
3 ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana
awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka
bukakasibwa abo abaabuwulira.
4 Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba
nga bwe yayagala.
5 Ensi empya gye twogerako si yakufugibwa bamalayika.
6 Waliwo mu byawandiikibwa, omuntu we yagambira Katonda nti,

"Omuntu kye ki ggwe okumujjukira?
Oba Omwana w'Omuntu ye ani ggwe okumussaako omwoyo?
7 Wamussa obuteenkana nga bamalayika, okumala akaseera katono,
wamutikkira engule ey'ekitiibwa n'ettendo,
8 n'oteeka ebintu byonna wansi w'ebigere bye."

Katonda atadde buli kintu wansi we. Kyokka kaakano tetulaba bintu
byonna nga biteekeddwa wansi we.
9 Naye tulaba Yesu eyassibwa wansi wa bamalayika okumala akaseera
akatono. Olw'ekisa kya Katonda, yabonaabona n'afa, alyoke alege ku kufa
ku lwa buli muntu, n'atikkirwa engule ey'ekitiibwa n'ettendo.
10 Katonda oyo eyatonderwa ebintu byonna, era mu oyo Yesu
Kristo ebintu byonna mwe byatonderwa, eyalondebwa okuleeta abaana
abangi mu kitiibwa. Era kyasaanira Yesu okubonyaabonyezebwa,
ng'omukulembeze omutuukirivu, okubaleetera obulokozi.
11 Oyo atukuza era n'abo abatukuzibwa bava mu omu bonna. Noolwekyo takwatibwa nsonyi kubayita baganda be.
12 Agamba nti,

"Nditegeeza baganda bange erinnya lyo,
era nnaakuyimbiranga ennyimba wakati mu kkuŋŋaaniro."

13 Era awalala agamba nti,

"Nze nnaamwesiganga oyo."

Ate ne yeeyongera n'agamba nti,

"Laba nze n'abaana Katonda be yampa."

14 Olw'okubanga abaana balina omubiri n'omusaayi, naye yalina omubiri n'omusaayi, alyoke azikirize oyo alina amaanyi ag'okufa, ye Setaani.
15 Yakikola alyoke awe eddembe abo bonna abaali bamaze obulamu
bwabwe bwonna mu buddu olw'entiisa y'okufa.
16 Kubanga eky'amazima kiri nti tayamba bamalayika, ayamba zzadde
lya Ibulayimu.
17 Kyekyava kimugwanira mu byonna okufaananyizibwa baganda be,
alyoke abeerenga Kabona Asinga Obukulu asaasira era omwesigwa mu
kuweereza Katonda. Ekyo yakikola alyoke atangirire ebibi by'abantu.
18 Yabonaabona, ye yennyini ng'akemebwa, alyoke ayambe abo abakemebwa.

# 3

### *Yesu Mukulu Okusinga Musa*

1 Kale abooluganda abatukuvu, Katonda b'ayise, mulowoozenga ku Yesu,
Omutume Omukulu era Kabona Asinga Obukulu, gwe twatula.
2 Yali mwesigwa eri oyo eyamulonda, era nga Musa bwe yali omwesigwa
mu nnyumba ya Katonda yonna.
3 Kubanga ng'omuzimbi bw'aweebwa ekitiibwa okusinga ennyumba
gy'azimbye, bw'atyo Yesu wa kitiibwa okusinga Musa.
4 Kubanga buli nnyumba wabaawo agizimba, naye Katonda ye y'azimba
buli kintu.
5 Musa yali muweereza mwesigwa mu nnyumba ya Katonda yonna,
eyayogera eby'obunnabbi ku bintu ebyali bigenda okwogerwa mu biro
eby'omu maaso.
6 Naye ate Kristo ye Mwana omwesigwa, akulira ennyumba ya Katonda;
ate ffe tuli nnyumba y'oyo bwe tunywera ne tuba bavumu ne twenyumir-
iriza mu ssuubi lye tunywezezza.

### *Ekiwummulo ky'Abaana ba Katonda*

7 Noolwekyo nga Mwoyo Mutukuvu bw'agamba nti,
“Leero bwe munaawulira eddoboozi lye,
8 temukakanyaza mitima gyammwe,
nga bali bwe baajeema,
ku lunaku lwe bagezesaako Katonda mu ddungu.
9 Bajjajjammwe bangezesa,
ne balaba bye nakola mu myaka amakumi ana.
10 Kyennava nsunguwalira omulembe ogwo, ne njogera nti bulijjo baba
bakyamu mu mitima gyabwe,
era tebamanyi makubo gange.
11 Kyennava ndayira nga nsunguwadde nti,
‘Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.’ ”
12 Mwekuume abooluganda, omutima omubi ogw'obutakkiriza gule-
menga kuba mu muntu yenna ku mmwe, ne gubaggya ku Katonda
omulamu.
13 Mubuuliraganenga mwekka na mwekka bulijjo ng'ekiseera kikyaliwo,
waleme okubaawo n'omu ku mmwe akakanyazibwa obulimba bw'ekibi.
14 Olw'okubanga tussa kimu mu Kristo, tunywereze ddala obwesige
bwaffe bwe twatandika nabwo, era tubunywereze ddala okutuusa ku
nkomerero.
15 Kyogerwako nti,
“Leero bwe munaawulira eddoboozi lye
temukakanyaza mitima gyammwe
nga bwe mwakola bwe mwajeema.”
16 Be baani abaawulira, naye ne bajeema? Si abo bonna abaava mu
Misiri ne Musa?
17 Era baani be yanyiigira okumala emyaka amakumi ana? Si abo
abaayonoona ne bafiira mu ddungu?
18 Era baani abo Katonda be yalayirira obutayingira mu kiwummulo
kye? Si abo abataagonda?
19 Era tulaba nga baalemwa okuyingira olw'obutakkiriza bwabwe.

# 4

### *Ssabbiiti Kiwummulo ky'Abantu ba Katonda*

1 Noolwekyo ng'ekisuubizo eky'okuyingira mu kiwummulo kye, bwe kikyaliwo, twerinde, omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takituuseemu.
2 Kubanga naffe tubuuliddwa Enjiri, nga nabo bwe baagibuulirwa. Kyokka baalema okukkiriza ekigambo kye baawulira, era tebaalina kye baagasibwa.
3 Kubanga ffe abakkiriza, ffe tuyinza okuyingira mu kiwummulo kye, nga bwe yayogera nti,
"Kyennava ndayira nga nsunguwadde nti,
'Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.' "
Omulimu gwe gwaggwa ku kutondebwa kw'ensi.
4 Kubanga waliwo w'ayogerera nti, "Katonda bwe yamala okukola emirimu gye gyonna n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu."
5 Ayongera n'agamba nti, "Tebaliyingira mu kiwummulo kyange."
6 Kyaterekerwa abamu okuyingiramu, ate ng'abo abaasooka okubuulirwa Enjiri, tebaayingira olw'obujeemu.
7 Katonda kyeyava ateekateeka nate olunaku, n'alutuuma leero, bwe yayogerera mu Dawudi, oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu nti,
"Leero bwe munaawulira eddoboozi lye,
Temukakanyaza mitima gyammwe.
8 Kubanga singa Yoswa yabatwala mu kifo eky'okuwummula, Katonda teyandiyogedde ku lunaku olulala olw'okuwummula."
9 Naye Katonda atusuubizza olunaku olwa Ssabbiiti lwe tuliwummula, newaakubadde nga terunnatuuka.
10 Kubanga oyo ayingira mu kiwummulo kya Katonda, awummula emirimu gye nga Katonda bwe yawummula ng'amaze emirimu gye.
11 Noolwekyo tufubenga okuyingira mu kiwummulo ekyo, omuntu yenna alemenga kugoberera ekyokulabirako ekibi eky'abajeemu.
12 Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima.
13 Katonda amanyi ebintu byonna, so tewali kitonde na kimu ekikwekeddwa amaaso ge. Alaba buli kintu, era tulyogera mazima nga tumutegeeza buli kimu.

### *Yesu Kristo Kabona Asinga Obukulu*

14 Noolwekyo nga bwe tulina Kabona Asinga Obukulu, eyagenda mu ggulu, ye Yesu, Omwana wa Katonda, tunyweze okukkiriza kwe twayatula.
15 Tulina Kabona Asinga Obukulu alumirwa awamu naffe mu bunafu bwaffe, eyakemebwa mu byonna nga ffe, kyokka n'atakola kibi kyonna.
16 Kale tusembererenga entebe ya Katonda ey'obwakabaka ey'ekisa n'obuvumu, tufune okusaasirwa n'ekisa tubeerwe mu kwetaaga kwaffe.

# 5

1 Buli Kabona Asinga Obukulu alondebwa mu bantu n'ateekebwawo okuweereza Katonda ku lwabwe, alyoke awengayo ebirabo n'essaddaaka olw'ebibi byabwe.
2 Asobola okukwata empola abantu abatamanyi era n'abo abakyama, kubanga naye yennyini muntu eyeetooloddwa obunafu.

3 Olw'obunafu obwo, kimugwanira okuwangayo ssaddaaka ku lulwe
yennyini ne ku lw'abantu.
4 Tewali muntu yenna ayinza okwefuula kabona wabula ng'ayitiddwa
Katonda okukola omulimu, nga bwe yayita Alooni.
5 Ne Kristo bw'atyo teyeegulumiza yekka, okufuuka Kabona Asinga
Obukulu. Katonda yamwogerako nti,
"Ggwe oli Mwana wange,
leero nkuzadde ggwe."
6 Era n'awalala agamba nti,
"Ggwe walondebwa okuba Kabona emirembe n'emirembe,
ng'olubu lwa Merukizeddeeki bwe luli."
7 Mu kiseera Yesu kye yabeerera ku nsi mu mubiri ogw'obuntu,
yasaba ne yeegayirira oyo ayinza okumulokola mu kufa nga bw'akaaba
amaziga mu ddoboozi ery'omwanguka. Yesu yasinza Katonda mu mazima,
Katonda n'awulira okusaba kwe.
8 Newaakubadde yali Mwana wa Katonda, yayiga okumugondera ne bwe
kwamutuusanga mu kubonaabona.
9 Era bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka obulokozi obutaggwaawo
eri abo bonna abagondera Katonda.
10 Katonda yamuyita okuba Kabona Asinga Obukulu ng'olubu lwa
Merukizeddeeki bwe luli.

### *Okulabula ku Kudda Ennyuma*

11 Waliwo bingi bye twandiyagadde okumwogerako, naye ate nga kizibu
okubinyonnyola, kubanga temuyiga mangu.
12 Newaakubadde nga kaakano mwandibadde musobola okuyigi-
riza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo
eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda. Mwetaaga mata so si
mmere enkalubo ey'abakulu.
13 Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto.
Aba tannategeera kigambo kikwata ku by'obutuukirivu.
14 Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza okwawulanga
ekirungi n'ekibi.

## 6

1 Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako,
tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka,
ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo,
naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda.
2 Tulekeraawo okuyigiriza obulombolombo obw'okubatizibwa,
n'obw'okussibwako emikono, n'enjigiriza ey'okuzuukira kw'abafu,
n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.
3 Katonda nga bw'asiima, tukule mu mwoyo.
4 Kizibu okuzza mu kwenenya abo abaamala okufuna ekitangaala ne
balega ku birungi eby'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo
Omutukuvu,
5 ne bamanya obulungi bw'ekigambo kya Katonda, ne balega ku maanyi
ag'emirembe egigenda okujja,
6 naye ne bava ku Katonda. Baba bakomerera Omwana wa Katonda
omulundi ogwokubiri, ne bamuswaza mu lwatu.
7 Ettaka ligasa omulimi, bwe lifuna obulungi enkuba, ne lisigibwamu
ensigo era ne muvaamu ebibala ebirungi. Ne Katonda aliwa omukisa.

[8] Naye bwe libaza amatovu, n'amaggwa, ettaka eryo teriba lya mugaso
liba kumpi n'okukolimirwa. Ku nkomerero, ebimezeeko byokebwa.
[9] Naye abaagalwa, newaakubadde twogera bwe tutyo mmwe tetubabu-
usabuusa. Tumanyi nga mulina ebintu ebirungi era mukola ebintu ebiraga
nti muli mu kkubo ery'obulokozi.
[10] Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe
omunene bwe gutyo, n'okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi
bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza.
[11] Era twagala buli omu ku mmwe yeeyongere okulaganga obunyiikivu
obwo okutuusiza ddala ku nkomerero, lwe mulifuna ekyo kye musuubira.
[12] Tetwagala mube bagayaavu, wabula mube ng'abo abakkiriza era
abagumiikiriza ne bafuna ekyasuubizibwa.

### *Obukakafu bw'Ebisuubizo bya Katonda*

[13] Katonda bwe yasuubiza Ibulayimu, nga bwe wataali mulala gw'ayinza
kwerayirira amusinga, yeerayirira yekka.
[14] Yalayira ng'agamba nti, "Ndikuweera ddala omukisa, era n'okukwaza
nnaakwazanga."
[15] Bw'atyo Ibulayimu bwe yalindirira n'obugumiikiriza, n'aweebwa
ekyasuubizibwa.
[16] Abantu balayira omuntu abasinga obukulu, ku nkomerero kye
balayidde kye kisalawo.
[17] Ne Katonda bw'atyo, kyeyava ateekawo ekirayiro ng'ayagala okukaka-
siza ddala abasika b'ekisuubizo nti talijjulula ekyo kye yasuubiza.
[18] Katonda yakikola bw'atyo, okutulaga ebintu bibiri ebitajjulukuka, nti
akuuma ekisuubizo kye awamu n'ekirayiro kye. Talimba. Noolwekyo ffe
abaddukira gy'ali okutulokola, tusaana okuba abagumu kubanga talirema
kutuwa ebyo bye yasuubiza.
[19] Essuubi eryo lye linywereza ddala emmeeme zaffe ng'ennanga
bw'enyweza eryato. Essuubi eryo lituyingiza munda w'eggigi.
[20] Yesu eyatusooka yo, eyo gye yayingira ku lwaffe, bwe yafuuka Kabona
Asinga Obukulu ow'emirembe gyonna, ng'olubu lwa Merukizeddeeki bwe
luli.

## 7

### *Kabona Merukizeddeeki*

[1] Merukizeddeeki yali kabaka w'e Ssaalemi, era yali kabona wa Katonda
Ali Waggulu Ennyo. Ibulayimu bwe yali ng'ava mu lutalo mwe yattira
bakabaka, Merukizeddeeki n'amusisinkana, n'amusabira omukisa.
[2] Ne Ibulayimu n'awa Merukizeddeeki ekitundu eky'ekkumi ekya
byonna bye yanyaga. Okusooka erinnya Merukizeddeeki litegeeza
nti Kabaka ow'Obutuukirivu. Ate era litegeeza kabaka w'e Ssaalemi
ekitegeeza nti ye kabaka ow'emirembe.
[3] Merukizeddeeki taliiko kitaawe oba nnyina. Ennaku ze teziriiko
ntandikwa wadde enkomerero, era n'obulamu bwe tebukoma. Asigala
kabona emirembe gyonna, ng'Omwana wa Katonda.
[4] Kale mulabe Merukizeddeeki oyo nga bwe yali omukulu! Ibulayimu
jjajjaffe yamuwa ekimu eky'ekkumi ekya byonna bye yanyaga.
[5] N'abo abazzukulu ba Leevi abaaweebwa obwakabona, balagirwa oku-
soloozanga ekimu eky'ekkumi ng'etteeka bwe ligamba, newaakubadde
nga baava mu ntumbwe za Ibulayimu, kwe kugamba nti nabo baganda
baabwe.

6 Naye oyo ataabalibwa mu kika kyabwe, yafuna ekimu eky'ekkumi
okuva eri Ibulayimu, Merukizeddeeki n'asabira omukisa oyo eyalina
ebyasuubizibwa.
7 Tewali kubuusabuusa omukulu y'asabira omuto omukisa.
8 Mu ngeri emu, ekimu eky'ekkumi kiweebwa eri abantu abafa, naye
mu ngeri endala, kiweebwa eri oyo akakasibwa nga mulamu.
9 Noolwekyo ka tugambe nti okuyita mu Ibulayimu, ne Leevi aweebwa
ekimu eky'ekkumi, naye yawaayo ekimu eky'ekkumi.
10 Yali akyali mu ntumbwe za jjajjaawe, Merukizeddeeki bwe yamu-
sisinkana.
11 Kale singa okutuukirira kwaliwo lwa bwakabona obw'Ekileevi,
kubanga abantu baaweebwa amateeka nga gasinzira ku bwo, kiki
ekyetaaza kabona omulala okuva mu lubu lwa Merukizeddeeki, mu kifo
ky'okuva mu lubu lwa Alooni?
12 Kubanga bwe wabaawo okukyusibwa mu bwakababona, era kiba
kyetaagisa n'okukyusa mu mateeka.
13 Oyo ayogerwako ebigambo ebyo wa kika kirala omutaavanga muntu
eyali aweerezaako ku Kyoto.
14 Kubanga kimanyiddwa nga Mukama waffe yava mu Yuda ekika Musa
ky'ataayogerako bigambo bya bwakabona.
15 Era kitegeerekeka nga wazeewo Kabona omulala mu kifaananyi kya
Merukizeddeeki,
16 atassibwawo ng'amateeka ag'ebiragiro eby'omubiri bwe gali, wabula
ng'amaanyi bwe gali ag'obulamu obutaggwaawo.
17 Kubanga Kristo ayogerwako nti,

"Oli kabona okutuusa emirembe gyonna
ng'olubu lwa Merukizeddeeki bwe luli."

18 Ekiragiro ekyasooka kijjululwa olw'obunafu n'olw'obutagasa bwakyo,
19 kubanga amateeka tegaliiko kye gatuukiriza, wabula essubi erisinga
obulungi, mwe tuyita okusemberera Katonda.
20 Era kino tekyakolebwa watali kirayiro. Waliwo abaafuulibwa
bakabona awatali kirayiro,
21 naye ye yafuulibwa kabona mu kirayiro, ng'ayita mu oyo amwogerako
nti,

"Mukama yalayira
era tagenda kwejjusa:
'Oli kabona emirembe gyonna.' "

22 Yesu kyeyava afuuka omuyima w'endagaano esinga obulungi.
23 Bangi abaafuulibwa bakabona kubanga baafanga ne basikirwa.
24 Naye olwokubanga Yesu abeerera emirembe gyonna, alina obwak-
abona obutakyukakyuka.
25 Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe,
kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza.
26 Noolwekyo Kabona Asinga Obukulu afaanana bw'atyo ye yatusaanira,
omutukuvu, ataliiko musango, wadde ebbala, eyayawulibwa okuva ku abo
abalina ebibi, era eyagulumizibwa okusinga eggulu,
27 ataliiko kye yeetaaga ekya buli lunaku, nga bakabona abakulu abal-
ala, okusooka okuwangayo ssaddaaka olw'ebibi bye ye, n'oluvannyuma
olw'ebyo eby'abantu abalala. Ekyo yakikola omulundi gumu, bwe
yeewaayo yennyini.

28 Amateeka gaalondanga abantu okuba Bakabona Abasinga Obukulu n'obunafu bwabwe, naye ekigambo eky'ekirayiro, ekyaddirira amateeka, kironda Omwana eyatuukirira okutuusa emirembe gyonna.

# 8

*Kabona Omukulu ow'Endagaano Empya*

1 Ekigambo ekikulu ekiri mu bye twogedde kye kino nti, Tulina Kabona Asinga Obukulu, atudde ku mukono ogwa ddyo, ogw'entebe ya Katonda ey'obwakabaka mu ggulu,

2 omuweereza w'ebitukuvu, era ow'eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu ey'amazima, etaazimbibwa bantu wabula Mukama.

3 Kubanga Kabona Asinga Obukulu yenna alondebwa olw'omulimu ogw'okuwaayo ebirabo ne ssaddaaka, bwe kityo n'oyo kyamugwanira okuba n'ekintu ky'awaayo.

4 Singa yali ku nsi, teyandibadde kabona kubanga waliwo bakabona abawaayo ebirabo ng'amateeka bwe galagira.

5 Kye bakola kifaananako bufaananyi era kisiikirize ky'ebyo ebikolebwa mu ggulu. Musa kyeyava alabulwa, bwe yali ng'anaatera okumaliriza weema, Mukama n'amugamba nti, "Bw'oba ng'ozimba, goberera entegeka yonna eyakulagirwa ku lusozi."

6 Naye kaakano omulimu Yesu gwe yaweebwa, gusinga nnyo ogwa bali obukulu, kubanga n'endagaano gy'alimu ng'omutabaganya y'esinga obulungi, n'ebisuubizo kw'enyweredde, bye bisinga obulungi.

7 Singa endagaano eyasooka teyaliiko kyakunenyezebwa, tewandibaddewo kyetaagisa yaakubiri.

8 Kubanga bw'abanenya ayogera nti,

"Laba ennaku zijja," bw'ayogera Mukama,
"ndiragaana endagaano empya n'ennyumba ya Isirayiri,
awamu n'ennyumba ya Yuda.

9 Endagaano eno empya terifaanana n'eri gye nalagaana ne bajjajjaabwe
lwe nabakwata ku mukono okubaggya mu nsi y'e Misiri.
Olw'okubanga tebaagoberera ndagaano yange,
nange ssaabassaako mwoyo,"
bw'ayogera Mukama.

10 "Eno y'endagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isirayiri,
oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama.
Ndissa amateeka gange mu birowoozo byabwe
era ndiwandiika amateeka gange ku mitima gyabwe,
nange nnaabeeranga Katonda waabwe,
nabo banaabeeranga bantu bange.

11 Era tewaliba nate muntu ayigiriza munne oba muliraanwa we, oba muganda we ng'agamba nti,
'Manya Mukama,'
Kubanga okuva ku muto okutuuka ku mukulu
bonna balimmanya.

12 Era ndibasaasira,
n'ebibi byabwe siribijjukira nate."

13 Katonda bw'ayogera ku ndagaano empya, olwo ng'andibizza ey'edda; n'eyo gy'adibizza n'okukaddiwa n'ekaddiwa, eriggwaawo.

# 9

## *Okusinza ku Nsi ne mu Ggulu*

1 Endagaano ey'olubereberye, yalina amateeka agaalagirwa
ag'okusinzanga Katonda, era waaliwo n'eweema entukuvu ey'oku nsi.
2 Mu weema eno mwalimu ebisenge bibiri. Mu kisenge ekisooka nga
mwe muli ekikondo ekya zaabu eky'ettaala, n'emmeeza okwabeeranga
emigaati emyawule, ekisenge kino kyayitibwanga Ekifo Ekitukuvu.
3 Era waaliwo olutimbe olwokubiri ng'emabega waalwo we wali ekifo
ekiyitibwa Awatukuvu w'Awatukuvu.
4 Mu kifo ekyo mwalimu ekyoterezo ky'obubaane ekya zaabu,
n'essanduuko ey'endagaano, eyabikkibwako zaabu ku buli ludda. Mu
ssanduuko nga mulimu ekibya ekya zaabu ekyalimu emmaanu, n'omuggo
gwa Alooni nga gutojjedde, n'ebipande eby'amayinja eby'Amateeka
Ekkumi eby'endagaano.
5 Ku kisaanikira ky'essanduuko nga kuliko bakerubbi ab'ekitiibwa nga
basiikirizza entebe ey'okusaasira; ebintu ebyo tetuyinza kubyogerako
kaakano kinnakimu.
6 Ebintu byonna nga bimaze okutegekebwa bwe bityo, bakabona
baayingiranga mu kisenge ekisooka buli lunaku ne bakola emirimu
gyabwe egy'okuweereza.
7 Naye Kabona Asinga Obukulu yekka ye yayingiranga mu kisenge
eky'omunda omulundi gumu buli mwaka. Yagendangayo n'omusaayi, gwe
yawangayo ku lulwe n'olw'ebibi by'abantu bye baakolanga mu butanwa.
8 Mu bino byonna, Mwoyo Mutukuvu atutegeeza bulungi nti,
Ekkubo erituuka mu bifo ebitukuvu lyali terinnamanyika, ng'eweema
ey'Okukuŋŋaanirangamu ey'olubereberye ekyaliwo, n'enkola ey'edda
ng'ekyaliwo.
9 Amakulu geekyo mu kiseera kya leero, ge gano: ebirabo ne Ssaddaaka
ebyaweebwangayo tebiyinza kutukuza mutima gw'oyo asinza.
10 Bikoma ku byakulya na byakunywa na ku bulombolombo
obw'okunaaba, n'ebiragiro abantu bye baalina okukwata n'okugondera
okutuusa ku biro eby'okuzza ebintu obuggya.

## *Omusaayi gwa Kristo*

11 Kristo yajja nga Kabona Asinga Obukulu ow'ebintu ebirungi ebyali
bigenda okujja. Yayingira mu weema esinga obukulu n'okutuukirira,
etaakolebwa na mikono gya bantu, etali ya mu nsi muno.
12 Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente ennume,
naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka
n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutagg-
waawo.
13 Obanga omusaayi gw'embuzi, n'ente ennume, n'evvu ly'ente enduusi,
bimansirwa ku abo abalina ebibi, ne bibatukuza mu mubiri;
14 omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyeewaayo ye yennyini eri
Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo
gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu?
15 Noolwekyo Kristo ye mutabaganya mu ndagaano empya, okufa bwe
kwabaawo olw'okununulibwa okuva mu byonoono eby'omu ndagaano
eyasooka, abo abaayitibwa ab'obusika obutaggwaawo balyoke baweebwe
ekisuubizo.
16 Kubanga ekiraamo kiteekebwa mu nkola ng'eyakikola amaze kufa.

17 Kubanga kikola ng'eyakikola afudde, kubanga tekiba na makulu eyakikola bw'aba ng'akyali mulamu.

18 Era n'endagaano ey'olubereberye teyakolebwa awatali musaayi.

19 Kubanga Musa bwe yamala okuwa abantu bonna Amateeka, n'atwala omusaayi gwa zisseddume n'ogw'embuzi, n'amazzi, n'addira obutabi obw'akawoowo obwa ezobu, n'ebyoya by'endiga ebiriko omusaayi, n'amansira ku kitabo kyennyini era ne ku bantu.

20 N'ayogera nti, "Guno gwe musaayi gw'endagaano Katonda gye yabalagira okukwata."

21 Era bw'atyo n'amansira ne ku weema ey'Okukuŋŋaanirangamu, ne ku byonna ebyakozesebwanga mu kusinza.

22 Era mu mateeka buli kintu kitukuzibwa na musaayi, era awatali kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa.

23 Ebifaananyi by'ebintu eby'omu ggulu kyebiva byetaaga okutukuzibwa ne ssaddaaka, naye ebintu eby'omu ggulu byennyini biteekwa kutukuzibwa na ssaddaaka ezisinga ezo.

24 Kubanga Kristo teyayingira mu kifo kya Watukuvu w'Awatukuvu ekyakolebwa n'emikono gy'abantu, naye yayingira mu ggulu mwennyini gy'ali kaakano mu maaso ga Katonda ku lwaffe.

25 Kristo teyayingira mu ggulu kwewangayo mirundi mingi, nga Kabona Asinga Obukulu bw'ayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu buli mwaka n'omusaayi ogutali gugwe,

26 kubanga kyali kimugwanira okubonaabonanga emirundi mingi okuva ku kutondebwa kw'ensi. Naye kaakano yajja omulundi gumu ku nkomerero y'omulembe, ne yeewaayo yennyini ng'ekiweebwayo.

27 Ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi gumu n'oluvannyuma okulamulwa ne kutuuka,

28 era ne Kristo bw'atyo yaweebwayo omulundi gumu ne yeetikka ebibi by'abantu bonna. Alirabika nate omulundi ogwokubiri, si kuddamu kwetikka bibi byaffe, wabula okuleeta obulokozi eri abo abamulindirira.

# 10

### *Kristo Yeewaayo Omulundi Gumu ku lwa Bonna*

1 Amateeka kisiikirize busiikirize eky'ebirungi ebigenda okujja, go ku bwagwo tegamala, kubanga ssaddaaka ezo ze zimu eza buli mwaka ze bawaayo obutayosa ezitayinza kutukuza abo abaziwaayo.

2 Ssaddaaka ezo zandibadde tezikyaweebwayo, kubanga abaaziwaayo, omulundi ogumu gwandibamaze okubatukuza, ne bataddayo kweraliikirira olw'ebibi byabwe.

3 Naye ssaddaaka eza buli mwaka zaabajjukizanga ebibi byabwe.

4 Kubanga omusaayi gw'ente ennume n'embuzi tegusobola kuggyawo bibi.

5 Noolwekyo Kristo bwe yali ng'ajja mu nsi kyeyava agamba nti,

"Ssaddaaka n'ebiweebwayo tewabyagala.
Naye wanteekerateekera omubiri.

6 Ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'ekibi,
tewabisiima.

7 Kyennava njogera nti, 'Nzuno, nga bwe kyawandiikibwa mu mizingo gy'ebyawandiikibwa:
Nzize okukola by'oyagala, ng'Ebyawandiikibwa bwe binjogerako.' "

8 Nga bwe kyogera waggulu nti, Ssaddaaka n'ebiweebwayo, n'ebiweebwayo ebiramba ebyokebwa, n'ebiweebwayo olw'ebibi tewabyagala so tewabisiima, so nga biweebwayo ng'amateeka bwe galagira,
9 n'alyoka agamba nti, "Nzuuno nzize okukola by'oyagala." Noolwekyo aggyawo enkola esooka alyoke anyweze enkola eyookubiri.
10 Twatukuzibwa olw'okwagala kwe, omubiri gwa Yesu Kristo bwe gwaweebwayo omulundi ogumu ku lwaffe ffenna.
11 Buli kabona ayimirira buli lunaku ng'aweereza, n'awaayo ssaddaaka mu ngeri y'emu, ezitayinza kuggyawo bibi,
12 naye Kristo bwe yamala okuwaayo ssaddaaka ey'emirembe gyonna, olw'ebibi, n'alyoka atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.
13 Okuva mu kiseera kino alindirira abalabe be bafuulibwe entebe y'ebigere bye.
14 Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna.
15 Mwoyo Mutukuvu naye akikakasa bw'ayogera nti,
16 "Eno y'endagaano gye ndikola nabo,
oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama.
Nditeeka amateeka gange ku mitima gyabwe,
era ndiwandiika amateeka gange mu myoyo gyabwe."
17 Ayongerako kino nti,
"Sirijjukira nate bibi byabwe
newaakubadde obujeemu bwabwe."
18 Naye kaakano awali okusonyiyibwa ebintu ebyo, waba tewakyali kyetaagisa kuwaayo kiweebwayo olw'ebibi.

### *Obugumiikiriza*

19 Kale abooluganda nga bwe tulina obuvumu okuyingira mu Watukuvu w'Awatukuvu olw'omusaayi gwa Yesu,
20 eyatuggulirawo ekkubo eriggya era eddamu eriyita mu lutimbe, gwe mubiri gwe,
21 kale nga bwe tulina Kabona Asinga Obukulu nga y'afuga ennyumba ya Katonda,
22 tusembere awali Katonda n'omwoyo ogw'amazima ogujjudde okukkiriza nga tulina emitima egitukuzibbwa okuva mu ndowooza embi, era nga n'emibiri gyaffe ginaazibbwa n'amazzi amatukuvu.
23 Kale tunyweze essuubi lye twatula nga tetusagaasagana, kubanga eyasuubiza mwesigwa,
24 era tussengayo omwoyo buli muntu eri munne, nga twekubiriza mu kwagala ne mu kukola ebikolwa ebirungi.
25 Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, na ddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde.
26 Singa tukola ebibi mu bugenderevu, nga tumaze okumanya amazima, waba tewakyaliwo ssaddaaka eweebwayo olw'ekibi.
27 Wabula ekiba kisigadde kwe kulindirira okusalirwa omusango ogw'ekibonerezo eky'omuliro ogw'amaanyi ogugenda okumalawo abalabe ba Katonda.
28 Omuntu yenna eyajeemeranga amateeka ga Musa yattibwanga awatali kusaasirwa, bwe waabangawo abajulirwa babiri oba basatu abamulumiriza.

29 Noolwekyo omuntu alinnyirira Omwana wa Katonda, era n’omusaayi
gw’endagaano ogunaazaako ebibi n’aguyisa ng’ogwa bulijjo, era
n’anyoomoola Omwoyo ow’ekisa, taliboneerezebwa n’obukambwe
obusingawo?

30 Kubanga tumumanyi oyo eyagamba nti, “Okuwoolera eggwanga
kwange. Nze ndisasula.” Era nti, “Mukama y’aliramula abantu be.”

31 Kintu kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu!

32 Mujjukire ennaku ez’edda bwe mwategeera Kristo, ne mugumiikiriza
okubonyaabonyezebwa okw’amaanyi.

33 Oluusi mwavumibwanga era ne muyigganyizibwa mu lwatu, ate
olulala ne mussa kimu n’abo abaabonaabona nga mmwe.

34 Mwalumirwa wamu n’abasibe, era mwagumiikiriza n’essanyu bwe
mwanyagibwako ebyammwe kubanga mwamanya nti mulina ebisinga
obulungi era eby’olubeerera ebibalindiridde.

35 Kale munywererenga ku buvumu bwammwe bwe mulina, obuliko
empeera ennene.

36 Kubanga kibasaanira okugumiikiriza nga mukola Katonda by’ayagala
mulyoke mufune ebyo bye yasuubiza.

37 Wasigadde akaseera katono nnyo,
oyo ow’okujja ajje era talirwa.

38 Omutuukirivu wange, anaabanga mulamu lwa kukkiriza,
kyokka bw’adda emabega simusanyukira.

39 Naye ffe tetuli ba kudda mabega mu kuzikirira, wabula tulina okukkiriza
okunywevu okutuleetera okulokoka.

# 11

*Okukkiriza*

1 Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu
kakunkuna newaakubadde nga tebirabika.

2 Okukkiriza kwe kwaleetera abantu ab’edda abakulu okusiimibwa
Katonda.

3 Olw’okukkiriza tumanyi ng’ensi yatondebwa na kigambo kya Katonda,
ebirabika kyebyava bikolebwa nga biggibwa mu bitalabika.

4 Olw’okukkiriza Aberi yawaayo Ssaddaaka esinga obulungi eri Ka-
tonda okusinga eya Kayini gye yawaayo, era ne kimubalirwa okuba
obutuukirivu, Katonda ng’amuweerwa obujulirwa olw’ebirabo bye, era
newaakubadde nga Aberi yafa, akyayogera.

5 Olw’okukkiriza Enoka yatwalibwa nga taleze ku kufa, n’atalabika
kubanga Katonda yamutwala. Bwe yali tannamutwala, yayogera nga
Enoka bwe yamusanyusa.

6 Naye awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Buli ajja eri Ka-
tonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n’abo abamunoonya
n’obwesigwa abawa empeera.

7 Nuuwa bwe yalabulwa ku bintu bye yali tannalaba, n’atya, era mu
kukkiriza n’azimba eryato olw’okulokola ennyumba ye. Bw’atyo n’asalira
ensi omusango, ate n’afuuka omusika w’obutuukirivu obuli mu kukkiriza.

8 Olw’okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa, n’agonda, n’alaga mu kifo
kye yali agenda okuweebwa ng’omugabo, bw’atyo n’agenda nga ne
gy’alaga tamanyiiyo.

9 Era ne bwe yatuuka mu nsi Katonda gye yamusuubiza, mu nsi gye
yali tamanyangako, olw’okukkiriza yasulanga mu weema era Isaaka ne

Yakobo nabo bwe baakola, Katonda ng'abasuubizza nga bwe yasuubiza Ibulayimu.

10 Ibulayimu yali alindirira ekibuga kiri ekirina omusingi, Katonda kye yategeka era n'azimba.

11 Olw'okukkiriza ne Saala yennyini, omukazi omugumba yaweebwa amaanyi okuba olubuto newaakubadde nga yali ayise ku myaka egy'okuzaalirako; yakkiriza nti oyo amusuubizza mwesigwa.

12 Bwe kityo bangi ne bava mu muntu omu eyali omukadde ennyo ne baba bangi nnyo ng'emmunyeenye ez'oku ggulu, era ng'omusenyu oguli ku nnyanja ogutabalika.

13 Abo bonna baafiira mu kukkiriza. Baafa nga Katonda bye yabasuubiza tebannabifuna, naye nga basanyufu nga bamanyi nti bibalindiridde, kubanga baategeera nti ku nsi kuno baali bagenyi bugenyi abatambuze.

14 Aboogera bwe batyo balaga nti bayolekedde obutaka bwabwe obw'omu nsi endala.

15 Abantu abo singa baalowooza ku birungi eby'ensi eno bandisobodde okudda emabega.

16 Naye kaakano beegomba ensi esingako, ye y'omu ggulu. Katonda kyava aba Katonda waabwe, nga tekimuswaza kuyitibwa bw'atyo, kubanga abateekeddeteekedde ekibuga.

17 Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yagezesebwa, n'awaayo Isaaka omwana we omu yekka, eyaweebwa ebyasuubizibwa,

18 gwe kyayogerwako nti, "Mu Isaaka mw'olifunira abazzukulu,"

19 gwe yamanya nga Katonda ayinza okumuzuukiza mu bafu, era n'ayaniriza Isaaka, nga Isaaka ali ng'azuukidde mu bafu.

20 Olw'okukkiriza ebyo ebyali bigenda okubaawo, Isaaka yasabira Yakobo ne Esawu omukisa.

21 Olw'okukkiriza Yakobo bwe yali anaatera okufa, yasabira bazzukulu be abaana ba Yusufu omukisa kinoomu, n'akutama ku muggo gwe n'asinza Katonda.

22 Yusufu bwe yali anaatera okufa, olw'okukkiriza yayogera ku kuva kw'abaana ba Isirayiri mu Misiri, era n'abalagira n'okutwala amagumba ge nga baddayo ewaabwe.

23 Olw'okukkiriza bakadde ba Musa bwe yazaalibwa baamukwekera emyezi esatu, kubanga baalaba nga mwana mulungi, ne batatya kiragiro kya Falaawo.

24 Olw'okukkiriza Musa ng'akuze, yagaana okuyitibwa omwana w'omumbejja wa Falaawo

25 n'alondawo okubonaabonera awamu n'abantu ba Katonda n'agaana okuba mu ssanyu ery'ekibi eriggwaawo amangu.

26 Musa yalaba nti okuvumibwa olwa Kristo kisingira wala obugagga bw'e Misiri, kubanga yali asuubira empeera.

27 Olw'okukkiriza Musa yava mu Misiri nga tatya busungu bwa Falaawo, kubanga yanywera ng'alaba Katonda oyo atalabika na maaso buuso ag'omubiri.

28 Olw'okukkiriza Musa yassaawo Embaga ejjuukirirwako Okuyitako, n'amansira omusaayi omuzikiriza aleme okutta abaana ababereberye Abayisirayiri.

29 Olw'okukkiriza Abayisirayiri baasomoka Ennyanja Emyufu ng'abayita ku lukalu. Naye Abamisiri bwe baakigezaako amazzi ne gabasaanyaawo.

30 Olw'okukkiriza, bbugwe wa Yeriko yagwa nga kimaze okwebungululirwa ennaku musanvu.

31 Olw'okukkiriza malaaya Lakabu, teyazikirizibwa n'abajeemu,
kubanga yasembeza abakessi, n'emirembe.
32 Njogere ki nate? N'ekiseera kinaanzigwako bwe nnaayogera ku
Gidyoni, ne ku Baraki, ne Samusooni, ne Yefusa, ne Dawudi, ne Samwiri
ne bannabbi abalala,
33 abaawangula bakabaka olw'okukkiriza, be baakola eby'obutuukirivu,
be baafuna ebyasuubizibwa, era be baabuniza obumwa bw'empologoma,
34 be baazikiza omuliro ogw'amaanyi, be baawona obwogi bw'ekitala.
Be baaweebwa amaanyi okuva mu bunafu, era be baafuuka abazira
ab'amaanyi mu ntalo, ne bagoba amaggye g'amawanga.
35 Abakazi baddizibwa abantu baabwe abaali bafudde ne bazuukira.
Abalala baabonyaabonyezebwa okutuusa okufa, nga tebalokolebbwa,
balyoke bafune obulamu obusingako nga bazuukidde.
36 N'abalala ne basekererwa ne bakubibwa embooko nga bagezesebwa,
n'abalala ne basibwa ne bateekebwa ne mu makomera.
37 Baakubibwa amayinja, baasalibwamu n'emisumeeno, ne battibwa
n'ekitala. Baatambulanga nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi
nga kumpi tebalina kantu, nga bali mu kwetaaga, ne banyigirizibwa, ne
bayisibwa bubi,
38 n'ensi nga tebasaanira, nga bayita mu malungu ne mu nsozi nga
beekweka mu mpuku ne mu mpampagama z'enjazi.
39 Naye abantu bano bonna abajjula okukkiriza tebaafuna kyasuubiz-
ibwa.
40 Kubanga Katonda yatuteekerateekera ekisinga obulungi, bo baleme
okutuukirizibwa ffe nga tetuliiwo.

# 12

*Katonda Akangavvula Abaana be*

1 Kale nga bwe tulina ekibiina ekinene eky'abajulirwa ekyenkana awo,
twambulengamu buli ekizitowa, awamu n'ekibi ekitwesibako amangu,
tuddukenga n'okugumiikiriza embiro ez'empaka ezatutegekerwa,
2 nga tutunuulira Yesu eyatandika okukkiriza era y'akutuukiriza,
olw'essanyu lye yali alindirira bwe yagumiikiriza omusaalaba,
ng'anyooma ensonyi, n'atuula ku luuyi olwa ddyo olw'entebe ya Katonda.
3 Kale mulowooze oyo eyagumiikiriza okuwakanyizibwa okw'abakozi
b'ebibi bwe kutyo, mulemenga okukoowa mu mmeeme zammwe nga
mutendewererwa ne mu mutima.
4 Temunnalwanagana na kibi okutuusa ne kukuyiwa omusaayi!
5 Mwerabidde ebigambo ebizzaamu amaanyi byayogera nammwe
ng'abaana be? Agamba nti,
"Mwana wange, tonyoomanga kukangavvulwa kwa Mukama,
so toggwangamu maanyi ng'akunenyezza.
6 Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,
Era abonereza buli gw'ayita omwana we."
7 Noolwekyo mugumiikirize okukangavvulwa, kubanga Katonda
abakangavvula ng'abaana be. Mwana ki kitaawe gw'atakangavvula?
8 Naye singa temukangavvulwa, nga bwe kitugwanira ffenna, muba
temuli baana be ddala.
9 Kale, nga bwe mussaamu ekitiibwa bakitaffe ab'omubiri,
newaakubadde nga batukangavvula, nga batuyigiriza, kitaawe w'emyoyo
talisinga nnyo okutukangavvula ne tuba abalamu?

10 Bakitaffe ab'omubiri baatugunjulira ennaku si nnyingi, naye ye
atugunjula tugasibwe tulyoke tusobole okugabanira awamu naye mu
butukuvu bwe.
11 Okukangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga
kwa ssanyu, kuba kwa bulumi, naye oluvannyuma kuleeta ebibala
eby'emirembe eri abo abayigirizibwa, era ekivaamu bwe butuukirivu.
12 Bwe mutyo munyweze emikono gyammwe egikooye n'amaviivi
gammwe agajugumira,
13 era ebigere byammwe mubikolere ekkubo eggolokofu, abo ababagob-
erera newaakubadde nga balema era banafu, baleme okuva mu kkubo
eryo, wabula bawonyezebwe.

### *Okulabulwa Obutagaana Katonda*

14 Mufubenga okuba n'emirembe n'abantu bonna, era mufubenga
okuba abatukuvu, kubanga atali mutukuvu taliraba Mukama.
15 Buli muntu afe ku munne waleme kubeerawo n'omu ava mu kisa kya
Katonda, era mwekuume ensigo ey'obukyayi ereme okuloka mu mmwe,
bangi ne bagwagwawala.
16 Era mwegendereze waleme okubaawo omwenzi mu mmwe wadde
atatya Katonda nga Esawu eyatunda ebyobusika bwe olw'olulya olumu.
17 Oluvannyuma ne bwe yagezaako okusikira omukisa ogwo, teyasiim-
ibwa, era teyafuna mukisa kwenenya newaakubadde nga yagunoonya
n'amaziga mangi.
18 Temuzze ku lusozi olulabika olwaka omuliro, n'okukankana
n'ekizikiza ekikutte, ne kibuyaga,
19 n'eri eddoboozi ly'akagombe n'eri eddoboozi ery'ebigambo n'abo
abaaliwulira ne batayinza na kweyongera kuligumira.
20 Kubanga tebaayinza kugumira ekyo ekyalagirwa Katonda nti, "Ne
bw'eba ensolo, bw'ekomanga ku lusozi ekubwanga amayinja n'efa."
21 Ne Musa n'atya nnyo olw'ekyo kye yalaba n'ayogera nti, "Ntidde nnyo
era nkankana."
22 Naye muzze ku lusozi Sayuuni, ne mu kibuga kya Katonda omulamu,
mu Yerusaalemi eky'omu ggulu n'eri enkumi n'enkumi ez'abamalayika
abakuŋŋaanye,
23 n'eri ekkanisa ey'abo abaasooka, amannya gaabwe agaawandiikibwa
mu ggulu, n'eri Katonda Omulamuzi wa bonna, n'eri emyoyo egy'abantu
abaatukirizibwa,
24 n'eri endagaano empya eya Yesu omutabaganya, ey'omusaayi ogwa-
mansirwa ogwogera obulungi okusinga ogwa Aberi.
25 Kale mugonderenga oyo ayogera nammwe. Obanga Abayisirayiri
tebaayinza kulokoka, bwe baagaana okuwulira oyo eyabalabula ng'ali
ku nsi, tetuliyisibwa bubi nnyo n'okusingawo, bwe tulijeemera ekigambo
ky'oyo ow'omu ggulu atulabula?
26 Yakankanya ensi n'eddoboozi lye kyokka n'asuubiza nti, "Omulundi
omulala sirinyeenya nsi yokka, naye era n'eggulu."
27 Kino kitegeeza nti agenda kumalawo nate ebyo ebinyenyezebwa,
kyokka ebitanyenyezebwa bisigalewo.
28 Kale, nga bwe twaweebwa obwakabaka obutanyeenyezebwa, tusinze
Katonda nga bw'asiima nga tumussaamu ekitiibwa era nga tumutya.
29 Kubanga ddala, "Katonda waffe, gwe muliro ogwokya."

# 13

1 Mweyongere okwagalananga ng'abooluganda.
2 Temwerabiranga kusembeza bagenyi, kubanga waliwo abaasembeza
bamalayika nga tebagenderedde.
3 Mujjukirenga abasibe abali mu kkomera, nga muli nga abaasibirwa
awamu n'abo. Munakuwaliranga wamu nabo ababonyaabonyezebwa,
kubanga nammwe muli mu mubiri.
4 Obufumbo mubussangamu ekitiibwa n'ebirayiro byabwo, kubanga
abakaba n'abenzi Katonda alibasalira omusango, ne gubasinga.
5 Mwewalenga omululu, bye mulina bibamalenga. Kubanga Katonda
yagamba nti,

"Sirikuleka
era sirikwabulira n'akatono."

6 Kyetuva twogera n'obuvumu nti,

"Mukama ye mubeezi wange, siityenga,
omuntu ayinza kunkola ki?"

7 Mujjukirenga abakulembeze bammwe abaababuulira ekigambo kya
Katonda, nga mutunuulira empisa zaabwe nga mugobereranga okukki-
riza.
8 Yesu Kristo nga bwe yali jjo, ne leero bw'ali era bw'aliba emirembe
n'emirembe.
9 Temusendebwasendebwanga kuyigiriza okw'engeri ennyingi ezita-
manyiddwa. Kubanga kirungi omutima okunywezebwa ekisa, so si mu
byokulya ebitagasa abo ababirya.
10 Tulina ekyoto, abaweereza mu weema ey'Okukuŋŋaanirangamu kye
batalina buyinza kuliirangako.
11 Kabona Asinga Obukulu yatwalanga omusaayi gw'ebisolo, olw'ebibi,
mu kifo ekitukuvu era n'ennyama yaabyo n'eyokerwa ebweru
w'olusiisira.
12 Noolwekyo ne Yesu kyeyava abonaabonera era n'afiira ebweru
w'ekibuga alyoke atutukuze n'omusaayi gwe ye.
13 Kale naffe tufulume tulage gy'ali ebweru w'olusiisira nga twetisse
ekivume kye.
14 Kubanga wano ku nsi tetulinaawo kibuga kya lubeerera, wabula
tulindirira ekyo ekijja.
15 Kale mu Yesu tuweerayo bulijjo ssaddaaka ey'okutendereza Katonda,
kye kirabo eky'emimwa, nga twatula erinnya lye.
16 Temwerabiranga kukola bulungi n'okugabananga; kubanga ssad-
daaka eziri ng'ezo Katonda zimusanyusa.
17 Muwulirenga abakulembeze bammwe era mubagonderenga, kubanga
obuweereza bwabwe kwe kulabirira emyoyo gyammwe, balyoke bakikole
n'essanyu nga tebeemulugunya. Kubanga bwe babeemulugunyiza tekiba-
gasa mmwe.
18 Mutusabirenga, kubanga tumanyidde ddala nga tulina omwoyo
mulungi, era twagala okukolanga obulungi mu buli kimu.
19 Era okusinga ennyo mbeegayirira munsabire ndyoke nkomewo
mangu gye muli.
20 Kale, Katonda ow'emirembe eyazuukiza Mukama waffe Yesu,
Omusumba w'endiga omukulu ow'endagaano etaggwaawo gye yanyweza
n'omusaayi gwe,

21 abawe buli kirungi kyonna kye mwetaaga okubasobozesa okukola
by'ayagala, era atukozese ebisiimibwa mu maaso ge ng'ayita mu Yesu
Kristo. Aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.

22 Kaakano mbakuutira abooluganda, mugumiikirizenga ebibabu-
lirirwa, kubanga mbawandiikidde mu bigambo bitono.
23 Mbategeeza nti muganda waffe Timoseewo yateebwa, bw'alijja
amangu, ndijja naye eyo okubalaba.

24 Mulamuse abakulembeze bammwe era n'abakkiriza bonna.
Ab'omu Italiya babalamusizza.

25 Ekisa kibeerenga nammwe mwenna.

# Ebbaluwa ya Yakobo

*Amagezi n'Okukkiriza*

1 Nze Yakobo, omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo, mpandiikira ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana, nga mbalamusa.

2 Baganda bange, mulowoozenga byonna okuba essanyu, bwe mukemebwanga mu ngeri ezitali zimu

3 nga mumanyi ng'okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza.

4 Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako.

5 Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabenga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa.

6 Kyokka amusabenga mu kukkiriza, nga tabuusabuusa, kubanga oyo abuusabuusa ali ng'ejjengo ery'oku nnyanja erisundibwa empewo.

7 Omuntu ng'oyo bw'atasaba na kukkiriza tasuubira Mukama kumuwaayo kintu kyonna.

8 Kubanga omuntu ow'emyoyo ebiri, buli gy'adda tanywererayo.

*Obwavu n'Obugagga*

9 Owooluganda atalina bintu bingi mu nsi muno asaana yeenyumirize, kubanga agulumizibbwa.

10 N'omugagga tasaana anyiige ng'ebintu bye bimukendezebbwaako, kubanga naye aliggwaawo ng'ekimuli eky'omuddo bwe kiggweerera.

11 Kubanga enjuba bw'evaayo n'eyaka n'ebbugumu lyayo eringi, omuddo gukala n'ekimuli kyagwo ne kiwotoka ne kigwa, n'obulungi bw'endabika yaakyo ne buggwaawo; n'omugagga bw'atyo bw'aliggwaawo, ng'ali mu mirimu gye.

12 Alina omukisa omuntu agumira okukemebwa, kubanga bw'alimala okusiimibwa aliweebwa engule ey'obulamu Katonda gye yasuubiza abo abamwagala.

13 Omuntu yenna bw'akemebwanga, tagambanga nti, "Katonda ye yankemye," kubanga Katonda takemebwa, era naye yennyini takema muntu n'omu.

14 Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa.

15 Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa.

16 Noolwekyo, abooluganda abaagalwa, temulimbibwalimbibwanga.

17 Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri Kitaffe, eyatonda eby'omu bbanga ebyaka, atakyukakyuka newaakubadde okwefuula ekirala.

18 Yalondawo ku bubwe yekka okutuzaala, ng'ayita mu kigambo eky'amazima, tulyoke tubeere ng'abaana be ababereberye mu lulyo lwe oluggya.

*Okuwuliriza n'Okukola*

19 Ekyo mukimanye abooluganda abaagalwa! Buli muntu abeerenga mwangu wa kuwulira, kyokka alemenga kubuguutana kwogera, era alemenga kwanguwa kunyiiga.
20 Kubanga obusungu bw'omuntu tebumuweesa butuukirivu bwa Katonda.
21 Kale mulekenga emize gyonna, n'ekibi ekyasigala mu mmwe, mwanirize n'obuwombeefu ekigambo ekyasigibwa ekiyinza okulokola emyoyo gyammwe.
22 Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba.
23 Kubanga omuntu awuliriza ekigambo naye n'atakigondera, afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu;
24 bw'ava mu ndabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye.
25 Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyikiririramu tajja kukoma ku kulijjukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaaweebwanga omukisa mu buli ky'akola.
26 Omuntu yenna bwe yeerowooza nga wa ddiini, naye n'atafuga lulimi lwe, aba yeerimba, n'eddiini ye teriiko ky'egasa.
27 Eddiini entuufu etaliiko bbala mu maaso ga Katonda Kitaffe, y'eyo ey'omuntu alabirira bamulekwa ne bannamwandu era nga yeekuuma ensi gy'alimu ereme kumuletako bbala.

# 2

*Obutabaamu Kyekubiira*

1 Abooluganda, mmwe abakkiririza mu Mukama waffe Yesu Kristo, Mukama ow'ekitiibwa, temusosolanga mu bantu.
2 Kubanga singa omuntu omu ajja mu kuŋŋaaniro lyammwe, ng'ayambadde engoye ez'omuwendo omunene, ng'anaanise n'empeta eza zaabu ku ngalo ze, mu kiseera kye kimu ne wajjawo n'omusajja omwavu ng'ali mu ngoye ezisensusesensuse,
3 ne mwaniriza omugagga, ne mumugamba nti, “Tuulira wano kyokka ne mugamba omwavu nti ggwe oyinza okuyimirira wali, oba si ekyo tuula wano wansi w'akatebe kwe nteeka ebigere byange,”
4 kale muba temwesosoddeemu mwekka na mwekka nga mukyamizibwa ebirowoozo byammwe ebibi?
5 Mumpulirize, abooluganda abaagalwa, Katonda teyalonda abo ensi b'eyita abaavu, okuba abagagga mu kukkiriza, era okuba abasika ab'obwakabaka obw'omu ggulu, Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala?
6 Naye munyooma omwavu. Abagagga si be babanyigiriza ne babatwala ne mu mbuga z'amateeka?
7 Era si be banyoomoola erinnya eddungi lye muyitibwa?
8 Kiba kirungi nnyo era kya kitiibwa bwe mugondera etteeka eriri mu Kyawandiikibwa erigamba nti, “Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.”
9 Naye bwe musosola mu bantu muba mukoze kibi, n'etteeka libasingisa omusango ng'aboonoonyi.
10 Era omuntu akwata amateeka gonna, naye n'asobyako erimu, omusango gumusinga mu ngeri y'emu ng'oli asobezza amateeka gonna.

11 Kubanga Katonda eyagamba nti, “Toyendanga,” era y’omu eyagamba
nti, “Tottanga.” Noolwekyo singa toyenda, naye n’otta oba mumenyi wa
mateeka gonna.
12 Noolwekyo mwogere era mukole ng’amateeka ag’eddembe bwe gali
naye nga mumanyi nti tunaatera okulamulwa.
13 Kubanga abo abatalina kisa, nabo tebalikwatirwa kisa. Ekisa
kiwangula omusango.

### *Okukkiriza n’Ebikolwa Ebirungi*

14 Abooluganda, kibagasa ki okugamba nti mulina okukkiriza kyokka
ng’okukkiriza kwammwe temukwoleka mu bikolwa? Mulowooza
ng’okukkiriza ng’okwo kugenda kubalokola?
15 Singa muganda wo oba mwannyoko takyalina kyakwambala wadde
ekyokulya,
16 naye omu ku mmwe n’amugamba nti, “Genda mirembe, obugume,
era olye bulungi”, naye nga tamuwaddeeyo byetaago bya mubiri, olwo
kimugasa ki?
17 Noolwekyo n’okukkiriza bwe kutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba
kufu.
18 Naye omuntu ayinza okugamba nti, “Ggwe olina okukkiriza nange
nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa, nange nkulage
ebikolwa byange nga bwe bikakasa okukkiriza kwange.”
19 Okukkiriza obukkiriza nti waliwo Katonda omu yekka, kirungi. Naye
ne baddayimooni nabo bakkiriza n’okukankana ne bakankana!
20 Musirusiru ggwe! Oliyiga ddi ng’okukkiriza okutaliiko bikolwa
tekuliiko kye kugasa?
21 Jjajjaffe Ibulayimu teyaweebwa obutuukirivu olw’ekikolwa kye
yakola, bwe yawaayo omwana we Isaaka, afiire ku kyoto?
22 Mulaba nga Ibulayimu bwe yalina okukkiriza, era okukkiriza kwe ne
kutuukirizibwa olw’ebikolwa bye,
23 n’ekyawandiikibwa ne kituukirizibwa ekigamba nti, “Ibulayimu
yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, era n’ayitibwa
mukwano gwa Katonda.”
24 Kaakano mutegedde ng’omuntu asiimibwa Katonda olw’ebyo
by’akola, so si lwa kukkiriza kyokka.
25 Ekyokulabirako ekirala kye kya Lakabu, eyali malaaya. Teyaweebwa
butuukirivu lwa kikolwa eky’okusembeza ababaka, n’oluvannyuma
n’abasiibulira mu kkubo eddala nga baddayo, okubawonya?
26 Ng’omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutagubeeramu,
n’okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyolekera mu bikolwa.

## 3

### *Okufuga Olulimi*

1 Abooluganda, abayigiriza tebasaanye kubeera bangi mu mmwe,
kubanga mukimanyi nga ffe tulisalirwa omusango munene okusinga
abalala.
2 Ffenna tusobya mu ngeri nnyingi. Omuntu yenna atasobya mu
kwogera, aba muntu eyatuukirira, asobola okufuga omubiri gwe gwonna.
3 Tuyinza okufuga embalaasi ne tugikozesa kye twagala olw’ebyuma bye
tuba tutadde mu kamwa kaayo.

4 Era n'enkasi entono esobola okukyusa ekyombo ekinene ennyo
n'ekiraza omugoba waakyo gy'ayagala, newaakubadde ng'empewo ek-
isindika ebeera ya maanyi mangi.
5 N'olulimi bwe lutyo, newaakubadde nga kantu katono, lwenyumiriza
nnyo. Akaliro akatono kasobola okukoleeza ekibira ekinene ne kiggya.
6 Olulimi nalwo muliro. Lujjudde obutali butuukirivu bungi okusinga
ebitundu ebirala eby'omubiri gwaffe. Lwo omuliro luguggya mu
ggeyeena, ne lulyoka lukoleeza omubiri gw'omuntu gwonna ne gwaka
ng'oluyiira okumutuusa mu kuzikirira.
7 Abantu, ebisolo ebya buli ngeri n'ennyonyi, n'ebyekulula, era
n'eby'omu nnyanja basobola okubiyigiriza ne babifuga,
8 naye tewali muntu n'omu asobola kufuga lulimi. Terufugika era lubi
nnyo, lujjudde obutwa obuttirawo.
9 Olulimi tulukozesa okutendereza Mukama era Kitaffe, ate era lwe
tukolimiza abantu abaatondebwa mu kifaananyi kya Katonda.
10 Mu kamwa ke kamu ne muvaamu okutendereza n'okukolima.
Abooluganda, kino si bwe kyandibadde bwe kityo!
11 Ensulo y'emu eyinza okuvaamu amazzi agawoomerera n'agakaawa?
12 Abooluganda omutiini guyinza okubala ezeyituuni, oba omuzabbibu
okubala ettiini? Bw'etyo n'ensulo y'emu teyinza kuvaamu mazzi ga
munnyo na gawoomerera.

### *Amagezi Agava mu Ggulu*

13 Ani alina amagezi n'okutegeera mu mmwe? Kale abiragirenga mu
mpisa ze ennungi ng'akola ebikolwa eby'obwetoowaze eby'amagezi.
14 Bwe muba n'omutima omukyayi ogujjudde n'obuggya, era nga
mwefaako mwekka, temusaanidde kwewaana na kulimba nga mukontana
n'amazima.
15 Kubanga amagezi ng'ago tegava eri Katonda mu ggulu wabula ga ku
nsi, era si ga mwoyo wazira ga Setaani.
16 Kubanga buli awabeera obuggya n'okwefaako wekka, wabeerawo
okutabukatabuka era n'ebikolwa ebirala ebibi byonna.
17 Naye amagezi agava mu ggulu okusooka byonna malongoofu, era
ga mirembe, gafaayo ku bantu abalala, mawulize, gajjudde okusaasira
n'ebibala ebirungi, tegasosola mu bantu, era si gannanfuusi.
18 Era ekibala eky'obutuukirivu kiva mu abo abakolerera emirembe.

## 4

### *Mweweeyo eri Katonda*

1 Kiki ekireeta entalo n'okulwanagana mu mmwe? Si lwa kubanga mu
mitima gyammwe mujjudde ebintu bingi nnyo ebibi bye mwagala?
2 Mwagala ebintu ne mutabifuna ne muba n'obuggya, ne mulyoka
muttiŋŋana so ne mutasobola kubifuna, nga mulwana era nga muyomba
kubanga mulemeddwa okubisaba.
3 Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe
kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka.
4 Mmwe abenzi temumanyi ng'okuba mikwano gy'ensi bulabe eri
Katonda? Noolwekyo omuntu yenna bw'alondawo okuba mukwano
gw'ensi afuuka mulabe wa Katonda.

5 Oba mulowooza nti Ekyawandiikibwa tekiba na makulu bwe kigamba
nti, “Omwoyo gwe yassa mu ffe, atulabirira n’okwagala okujjudde
obuggya”?
6 Kyokka Omwoyo omukulu oyo era agaba ekisa kingi. Kyekiva kigamba
nti,

“Katonda alwana n’ab’amalala
naye abawombeefu abawa ekisa.”

7 Kale, mugondere Katonda era mulwanyisenga Setaani, ajja kubad-
dukanga.
8 Musemberere Katonda, ne Katonda anaabasembereranga. Mulongoose
engalo zammwe, mmwe abakozi b’ebibi, mutukuze emitima gyammwe,
mmwe abalina emyoyo egitaaganaaga.
9 Mukungubage, mukube ebiwoobe era mukaabe. Okuseka kwammwe
kufuuke okukungubaga, n’essanyu lifuuke okunakuwala.
10 Mwetoowazenga mu maaso ga Mukama waffe, naye alibagulumiza.
11 Abooluganda, temugeyaŋŋananga, era buli omu aleme kwogera bubi
ku munne newaakubadde okusalira munne omusango. Bwe mukikola
muba mulwanyisa etteeka era musalira etteeka omusango. Bw’osalira
etteeka omusango, oba totuukiriza tteeka wabula obeera musazi wa
musango.
12 Oyo yekka eyateeka amateeka y’asala omusango. Era y’asalawo
okulokola oba okuzikiriza. Kale, osinziira ku ki okusalira muliraanwa wo
omusango?

### *Okulabula ku Kwekulumbaza*

13 Muwulire mmwe abagamba nti, “Leero oba enkya nzija kugenda
egindi maleyo omwaka gumu, era ntandikeyo omulimu ogunanfunyisa
ensimbi ennyingi.”
14 Mumanyidde ku ki ebigenda okubaawo enkya oba obulamu
bwammwe bwe bunaaba? Kubanga ebbanga lye mumala nga muli balamu
liri ng’olufu olulabika ate mangwago ne lubula.
15 Kino kye musaanira okwogera nti, “Katonda bw’anaaba ng’asiimye
tuliba balamu ne tukola kino oba kiri.”
16 Bwe mutakola mutyo muba mwekuluntaza olw’entegeka zammwe,
songa okwekuluntaza okw’engeri eyo tekusanyusa Katonda.
17 Okumanya ekituufu ekiteekwa okukolwa, naye ne mutakikola, kuba
kwonoona.

## 5

### *Okulabula Abagagga*

1 Kale, mmwe abagagga, mukaabe era mwaziirane. Mugenda kujjirwa
ennaku.
2 Eby’obugagga byammwe bivunze, n’ebyambalo byammwe biriiriddwa
ennyenje.
3 Ezaabu yammwe ne ffeeza bitalazze, era obutalagge bwabyo
bwe buliba obujulirwa obulibalumiriza omusango, ne bumalawo
omubiri gwammwe ng’omuliro. Mweterekera obugagga olw’ennaku
ez’oluvannyuma.
4 Laba abakozi abaakola mu nnimiro zammwe ne mulyazaamaanya
empeera yaabwe, bakaaba, n’abaakungula bakungubaga, era amaloboozi
g’okwaziirana kwabwe gatuuse mu matu ga Mukama ow’Eggye.

5 Mwesanyusiza ku nsi ne mwejalabya mu bugagga bwammwe.
Mwagezza emitima gyammwe nga muli ng'abeetegekera olunaku
olw'okubaagirako ebyassava.
6 Atasobyanga mwamusalira omusango okumusinga ne mumutta, ng'ate
ye talina bwe yeerwanirako.

*Okugumiikiriza*

7 Noolwekyo abooluganda mugumiikirize, okutuusa amadda ga Mukama
waffe, ng'omulimi bw'agumiikiriza ng'alindirira enkuba eya ddumbi
n'eya ttoggo okukuza ebibala bye biryoke byengere.
8 Mugumiikirize, era mugume omwoyo, kubanga amadda ga Mukama
waffe gali kumpi.
9 Temwemulugunyizagananga mwekka na mwekka, muleme okusalirwa
omusango, kubanga Omulamuzi ayimiridde ku luggi.
10 Ekyokulabirako eky'okugumiikiriza n'okubonaabona, be bannabbi
abaayogeranga mu linnya lya Mukama.
11 Laba tubayita ba mukisa abo abaagumiikiriza. Yobu yeesiga Mukama,
era obulamu bwe butulaga ng'entegeka ya Mukama bwe yatuukirizibwa
obulungi; kubanga Mukama wa kisa era ajjudde okusaasira.
12 Naye okusingira ddala byonna, abooluganda, temulayiranga ggulu,
oba ensi, oba ekintu kyonna ekirala. Ensonga bw'ebeeranga weewaawo,
gamba weewaawo. Bw'ebeeranga si weewaawo gamba si weewaawo,
mulyoke mwewale okusalirwa omusango okubasinga.

*Okusaba okw'Okukkiriza*

13 Waliwo mu mmwe ali mu buzibu? Kirungi asabenga olw'obuzibu
obwo. N'abo abeetaaga okwebaza, kirungi bayimbirenga Mukama bulijjo
ennyimba ez'okumutendereza.
14 Waliwo omulwadde mu mmwe? Kirungi atumye abakulembeze
b'Ekkanisa, bamusabire, era bamusiige amafuta, nga bwe basaba Mukama
amuwonye.
15 Era okusaba kwabwe nga kuweereddwayo n'okukkiriza, kugenda
kumuwonya, kubanga Mukama awonya. Singa obulwadde bwe bwava
ku kibi kye yakola, Mukama agenda kumusonyiwa.
16 Noolwekyo mwatulireganenga ebibi byammwe, era buli omu
asabirenga munne, mulyoke muwonyezebwe. Okusaba n'omutima
omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era
n'ebivaamu biba bya ttendo.
17 Eriya yali muntu ddala nga ffe, naye bwe yeewaayo n'asaba enkuba
ereme okutonnya, enkuba teyatonnya okumalira ddala emyaka esatu
n'ekitundu!
18 Ate n'asaba enkuba n'etonnya, omuddo n'ebisimbe byonna ne
biddamu okumera.
19 Abooluganda, singa omu ku mmwe akyama n'ava ku mazima, ne
wabaawo amukomyawo,
20 omuntu oyo akomyawo munne eri Katonda, aba awonyezza omwoyo
gwa munne okufa era ng'amuleetedde n'okusonyiyibwa ebibi byonna.

# Ebbaluwa ya
# Peetero
# Omutukuvu ey’Olubereberye

*Okulamusa*

1 Nze Peetero omutume wa Yesu Kristo, mpandiikira abalonde ba
Katonda, abaasaasaanira mu Ponto, ne mu Ggalatiya ne mu Kapadokiya,
ne mu Asiya ne mu Bisuniya,
2 Katonda Kitaffe be yasooka okumanya ne batukuzibwa Omwoyo
olw’okugondere Yesu Kristo, era ne balongoosebwa n’omusaayi ggwe,
ogwabamansirwako.
Ekisa n’emirembe byeyongerenga mu mmwe.

*Essuubi Eddamu*

3 Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo atenderezebwe.
Olw’okusaasira kwe okungi twazaalibwa mu bulamu obulina essuubi
omulundi ogwokubiri, olw’okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu.
4 Bw’atyo n’atusuubiza omugabo mu busika, ogw’olubeerera
ogutakyusa langi era ogutafuma, gw’atuterekedde mu ggulu.
5 Era Katonda, mu buyinza bwe, alibakuuma olw’okukkiriza kwammwe,
n’abatuusa mu bulokozi obwateekebwateekebwa okubikkulirwa mu biro
eby’enkomerero.
6 Ekyo, kijja kubasanyusa nnyo newaakubadde nga mujja kusanga
ebizibu bya ngeri nnyingi okumala akaseera.
7 Kubanga okugezesebwa kw’okukkiriza kwammwe, kwa muwendo
mungi nnyo okusinga zaabu egezebwa mu muliro n’ekakasibwa, kulyoke
kusaanire ettendo n’ekitiibwa n’okugulumizibwa ku lunaku luli Mukama
waffe Yesu Kristo lw’alirabikirako.
8 Newaakubadde nga Yesu oyo temumulabangako, kyokka mumwagala,
era ne kaakano temumulaba naye mumukkiriza ne mujjula essanyu
eritayogerekeka ne mumugulumiza,
9 era ekiva mu kukkiriza kwammwe kwe kulokolebwa kw’emyoyo
gyammwe.
10 Bannabbi baafuba nga bwe baasobola okuvumbula era n’okutegeera
okulokolebwa kuno, ne bategeeza eby’omu maaso ku kisa kya Katonda
ky’agenda okubawa.
11 Omwoyo wa Kristo ng’ali mu bo, yategeeza eby’omu maaso ku
kubonaabona kwa Kristo era n’ekitiibwa ekiriddirira, ne bafuba okuvum-
bula omuntu gwe kirituukako n’ekiseera we kirituukira.
12 Bannabbi bano Katonda yabalaga nti ebyo tebabikola ku lwabwe,
wabula ku lwammwe. Era kaakano Enjiri ebuuliddwa gye tuli ffenna.
Yatubuulirwa mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu eyava mu ggulu. Bino
by’ebintu ne bamalayika bye bayaayaanira okutegeera.

*Twayitibwa kuba Batukuvu*

13 Noolwekyo mwetegeke nga muli bateefu, nga mutadde emitima
gyammwe ku kisa kya Katonda ekiribaweebwa, Yesu Kristo bw’alirabika.
14 Mugonderenga Katonda, kubanga muli baana be, muleme kufugibwa
okwegomba kwammwe okubi okw’edda, kwe mwatambulirangamu mu
butamanya.

15 Kale, nga Katonda eyabayita bw'ali omutukuvu, nammwe
mubeerenga batukuvu mu byonna bye mukola.
16 Nga bwe kyawandiikibwa nti, "Mubenga batukuvu, kubanga nze ndi
mutukuvu."
17 Mujjukire nti Kitammwe gwe musaba, asalira omusango buli muntu
awatali kusaliriza, musaana mumusseemu ekitiibwa, nga mwetwala
ng'abagenyi ku nsi kuno.
18 Kubanga mumanyi nti mwanunulibwa mu mpisa zammwe embi
ezaava ku bajjajjammwe. Temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo nga
ffeeza oba zaabu.
19 Wabula mwanunulibwa n'omusaayi gwa Kristo ogw'omuwendo
omungi ennyo, ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko kamogo oba ebbala.
20 Kristo yategekebwa dda nga n'ensi tennatondebwa, kyokka mu nnaku
zino ezaakayita n'alabisibwa ku lwammwe.
21 Mu ye, mwe mwayita okukkiriza Katonda eyamuzuukiza mu bafu,
n'amuwa ekitiibwa, era okukkiriza kwammwe n'okusuubira kwammwe
kyebivudde binywerera ku Katonda.
22 Kale kaakano nga bwe mumaze okutukuza emyoyo gyammwe
olw'okukkiriza amazima, ne mwagalanira ddala mu luganda lwennyini,
mweyongere okwagalana n'omutima ogutaliimu bukuusa.
23 Kubanga okusinziira mu kigambo kya Katonda ekiramu era
eky'olubeerera, mwazaalibwa omulundi ogwokubiri.
24 Kubanga,
"Abantu bonna bali ng'omuddo,
n'ekitiibwa kyabwe kiri ng'ekimuli ky'omuddo.
Omuddo gukala, ekimuli kyagwo ne kigwa.
25 Naye ekigambo kya Mukama Katonda kibeerera emirembe gyonna."
Era ekigambo ekyo y'Enjiri eyababuulirwa.

# 2

*Ejjinja Eddamu n'Eggwanga Ettukuvu*

1 Kale mukomye buli ngeri yonna ey'ettima, n'obulimba bwonna,
n'obukuusa, n'obuggya, n'okwogera ekibi kwonna.
2 Ng'abaana abaakazaalibwa bwe beegomba amata, nammwe mwe-
gombenga amata ag'omwoyo, muganywenga mukule era mulokolebwe,
3 kubanga mwalega ku bulungi bwa Mukama.
4 Mujje gy'ali kubanga ye ly'ejjinja eddamu, abantu lye baasuula nga
balowooza nti terigasa, kyokka eryalondebwa Katonda era ery'omugaso
omunene ennyo.
5 Mujje gy'ali nga muli ng'amayinja amalamu, muzimbibwemu en-
nyumba ey'omwoyo. Mulyoke mube bakabona be abaweereza ssaddaaka
ey'omwoyo, esiimibwa Katonda mu Yesu Kristo Mukama waffe.
6 Kubanga ekyawandiikibwa kigamba nti,
"Laba, nteeka mu Sayuuni,
ejjinja ery'oku nsonda ery'omuwendo omungi eddonde,
oyo eyeesiga Kristo,
taliswazibwa."
7 Ejjinja eryo lya muwendo mungi nnyo eri mmwe abakkiriza. Naye eri
abatakkiriza,
"Lye jjinja abazimbi lye baagaana,
lye lifuuse ejjinja ekkulu ery'oku nsonda."

8 Era

“Lye jjinja abantu lye beekoonako,
lwe lwazi kwe beesittala ne bagwa.”
Beesittala kubanga bajeemera ekigambo kya Katonda, nga bwe ky’ateekebwateekebwa.

9 Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw’obwakabaka, eggwanga
ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende
ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n’abayingiza mu butangaavu
bwe obutenkanika.
10 Edda temwali ggwanga, naye kaakano muli ggwanga lya Katonda, era
mwali temusaasirwa, naye kaakano Katonda abasaasidde.

### *Abaweereza ba Katonda*

11 Abaagalwa, mutegeerere ddala nti ku nsi kuno muli bayise. Kyenva
mbeegayirira mwewale okwegomba kw’omubiri, kubanga kulwanagana
n’omwoyo.
12 Mukuumenga empisa zammwe ennungi, abo be mubeera nabo
abatakkiriza, newaakubadde baboogerako nti ebikolwa byammwe bibi,
basobole okulaba ebirungi bye mukola, balyoke bagulumize Katonda ku
lunaku lw’alirabikirako.
13 Ku lwa Mukama waffe, mugonderenga buli kiragiro ky’abo abali mu
buyinza, oba kabaka alina obufuzi obw’oku ntikko,
14 oba abafuzi abalala b’atuma okubonerezanga abakola ebikolwa ebibi,
era n’okusiimanga abo abakola ebikolwa ebirungi.
15 Kubanga Katonda asiima mukolenga ebirungi, mulyoke musirisenga
abantu abasirusiru era abatalina kye bamanyi.
16 Mubenga ba ddembe, kyokka nga temulyesigamya ku kukola
bitasaana, wabula mulikozese ng’abaweereza ba Katonda.
17 Mussengamu abantu bonna ekitiibwa, mwagalenga nnyo aboolu-
ganda. Mutyenga Katonda. Mussengamu ekitiibwa abafuzi.

### *Tulabire ku Kristo*

18 Abaddu, mugonderenga bakama bammwe, nga mubassaamu eki-
tiibwa ekijjuvu, si abo bokka abalungi n’abakwatampola naye n’abo
abakambwe.
19 Kubanga kya mukisa omuntu bw’abonyaabonyezebwa awatali
nsonga, n’agumiikiriza olw’okutuukiriza ekyo Katonda ky’ayagala.
20 Kale kitiibwa ki kye mufuna bwe mugumiikiriza mu kubonaabona
olw’okukola ekibi? Naye Katonda abasiima bwe mugumiikiriza nga
mubonyaabonyezebwa olw’okukola obulungi.
21 Ekyo kye mwayitirwa kubanga ne Kristo yabonyaabonyezebwa ku
lwammwe, n’abalekera ekyokulabirako kye musaana okugoberera.

22 “Kristo teyakola kibi
wadde okwogera ebyobukuusa.”

23 Bwe yavumibwa, ye teyavuma. Era abaamubonyaabonya teyabeewer-
era, wabula yeewaayo eri Katonda alamula awatali kusaliriza.
24 Yesu Kristo yennyini yeetikka ebibi byaffe mu mubiri gwe bwe
yatufiirira ku musaalaba, naffe tulyoke tufe eri ekibi, tube abalamu eri
obutuukirivu. Olw’ebiwundu bye, muwonyezebbwa.
25 Kubanga mwali muwabye ng’endiga, naye kaakano mukomezebb-
waawo eri Omusumba era alabirira obulamu bwammwe.

# 3

*Abakyala ne ba Bbaabwe*

1 Abakazi abafumbo, mu ngeri y'emu muwulirenga babbammwe,
bwe waba nga waliwo abatagondera kigambo kya Katonda, balyoke
baleetebwe mu kukkiriza olw'empisa zammwe ennungi ne bwe muba nga
temuliiko kye mubagambye.
2 Kubanga bajja kulaba empisa zammwe ennungi nga mubassaamu
ekitiibwa.
3 Okweyonja kwammwe kulemenga kuba kwa kungulu: nga mu misono
gy'enviiri n'egy'amajjolobera ag'ebyo ebyambalwa mu bulago ne ku matu,
n'egy'ebyambalo.
4 Naye kube kwa mu mutima munda; okweyonja okutayonooneka
okw'omwoyo omuwombeefu era omuteefu, era okwo kwe kw'omuwendo
ennyo mu maaso ga Katonda.
5 Kubanga n'abakazi ab'edda abatukuvu abaasuubiriranga mu Katonda,
bwe batyo bwe beeyonjanga era nga bawulize eri ba bbaabwe.
6 Saala bw'atyo bwe yali; yawuliranga nnyo Ibulayimu, ng'amussaamu
ekitiibwa ng'amuyita mukama we. Kale obanga mwagala okuba bawala
ba Saala, mubenga ba mpisa nnungi, olwo tewaabengawo kibatiisa
kyonna.
7 Nammwe abasajja abafumbo, mutegeere nga bakazi bammwe ba-
nafu, noolwekyo mubakwatenga n'obwegendereza. Era mubassengamu
ekitiibwa nga mumanyi nga nabo Katonda alibaweera wamu nammwe,
obulamu obutaggwaawo. Bwe munaakolanga bwe mutyo okusaba
kwammwe tekuziyizibwenga.

*Okubonyaabonyezebwa olw'Okukola Ebituufu*

8 Eky'enkomerero, mwenna mubenga n'emmeeme emu, buli omu alu-
mirirwenga munne, era mwagalanenga ng'abooluganda ddala, mubenga
ba kisa era beetoowaze.
9 Temuwooleranga ggwanga. Abavumye, mmwe temumuvumanga.
Wabula mumusabirenga mukisa, kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke
muweebwe omukisa.
10 Kubanga ekyawandiikibwa kigamba nti,

"Ayagala okufuna obulamu n'okubeera mu ddembe,
aziyizenga olulimi lwe okwogera ekibi,
n'emimwa gye
okwogera ebyobukuusa.
11 Era yeewalenga okukola ebibi, akolenga ebirungi.
Anoonyenga emirembe era atambulirenga mu gyo.
12 Kubanga abatuukirivu Mukama abatunuulira n'ekisa,
n'amatu ge gawuliriza bye basaba.
Kyokka aboonoonyi abatunuuliza bukambwe."

13 Bwe munaafubanga okukola ekituufu, ani anaabakolanga akabi?
14 Naye era ne bwe munaabonyaabonyezebwanga olw'obutuukirivu,
mulina omukisa. "Temutya bye batya; temutekemuka."
15 Mutyenga Mukama waffe Kristo mu mitima gyammwe. Era bulijjo
mubenga beetegefu okuddamu buli ababuuza okunnyonnyola essuubi
lyammwe,
16 era muddengamu n'obuwombeefu, awamu n'eggonjebwa. Mubenga
ba mutima mulungi, abo ababavuma era ababoogerako ekibi olw'empisa
zammwe ennungi olw'okuba nga muli ba Kristo, balyoke baswale.

17 Okubonyaabonyezebwanga olw'okukola obulungi, bwe kuba nga kwe kusiima kwa Katonda, kusinga okubonyaabonyezebwa olw'okukola ekibi.
18 Kubanga ddala Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, Omuntu Omutuukirivu ku lw'abatali batuukirivu, alyoke abaleete eri Katonda bwe yattibwa mu mubiri, kyokka n'abeera mulamu mu mwoyo.
19 Era omwoyo gwe, gwe gwagenda okubuulira Enjiri emyoyo egyali mu kkomera.
20 Egyo gy'emyoyo egy'abo edda abaagaana okuwulira Katonda ng'akyabagumiikiriza, mu kiseera Nuuwa kye yazimbiramu eryato, abantu abatono, omunaana gwokka, mwe baawonyezebwa amazzi.
21 Amazzi ago gaali kabonero ak'okubatizibwa mulyoke mulokolebwe kaakano. Kubanga okubatizibwa tekitegeeza kunaazibwako kko lya mubiri, wabula kitegeeza kwewaayo eri Katonda nga tumaliridde okukola by'ayagala, ng'atuwadde omutima omulongoofu olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo,
22 eyalinnya mu ggulu era atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'afuga bamalayika n'aboobuyinza, n'abaamaanyi ab'omu ggulu.

# 4

### *Obulamu Obuggya*

1 Kale nga Kristo bwe yabonyaabonyezebwa mu mubiri, nammwe mumalirire okubonaabona nga ye. Kubanga abonaabona mu mubiri aba takyafugibwa kibi.
2 Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by'ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw'omubiri.
3 Mu biseera ebyayita mwemaliranga mu kukola ebyo Abaamawanga bye beegombanga. Mwali mwemalidde mu bwenzi, mu kwegomba okubi, mu butamiivu, mu binyumu, mu bubaga obw'omwenge, ne mu kusinza bakatonda abalala.
4 Kaakano abo abatakkiriza Katonda beewuunya era babavuma bwe balaba nga temukyabeegattako mu ebyo bye bakola.
5 Abantu abo baliwoza mu maaso ga Katonda. Kubanga yeeteeseteese okulamula abalamu n'abafu ng'asinziira ku ebyo bye baakola.
6 Enjiri kyeyava ebuulirwa, n'abafu balyoke basalirwe omusango ng'abantu abalala bonna, kyokka babe balamu mu mwoyo nga Katonda bw'ali.

### *Okukozesa Obulungi Ebirabo Katonda by'Atuwa*

7 Enkomerero ya byonna eneetera okutuuka. Noolwekyo mwetegeke era mwegenderezenga, era bulijjo musabenga Katonda.
8 N'ekisingira ddala obukulu mwagalanenga ddala mu mazima, kubanga okwagalana kubikka ebibi bingi.
9 Musembezeganenga awatali kwemulugunya.
10 Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba.
11 Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina.

### *Okubonyaabonyezebwa olw'Okuba Omukristaayo*

12 Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako
ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo.
13 Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo,
mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise.
14 Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga
Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe.
15 Mu mmwe temusaana kubaamu mutemu, oba mubbi, oba
omukozi w'ebibi, wadde eyeeyingiza mu by'abalala. Kubanga buli
abonyaabonyezebwa olw'ebyo taliiko ky'agasibwa.
16 Naye bw'abonyaabonyezebwa olw'okuba Omukristaayo aleme kuk-
watibwa nsonyi, wabula yeebazenga Katonda olw'okuba owa Kristo.
17 Kubanga ekiseera kituuse Katonda okulamula ng'atandikira mu
nnyumba ya Katonda. Obanga okulamula kutandikidde ku ffe, kale kiriba
kitya ku abo abajeemera Enjiri ya Katonda?
18 "Era obanga kizibu omutuukirivu okulokolebwa,
kale aboonoonyi n'abatatya Katonda balikolebwa batya?"
19 Noolwekyo abo ababonaabona olw'okutuukiriza ekyo Katonda
ky'ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe
omwesigwa, bakole obulungi.

# 5

### *Katonda Talemererwa*

1 Noolwekyo mbulirira abakadde abali mu mmwe nze mukadde
munnammwe, omujulirwa w'okubonaabona kwa Kristo, era agabanira
awamu ekitiibwa ekigenda okubikkulirwa.
2 Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, mukiriisenga
nga mukirabirira n'okwagala so si na kwemulugunya, nga mukolerera
amagoba ag'obukuusa wabula olw'okujjumbira Katonda.
3 Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga
nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi.
4 Era Omusumba Omukulu bw'alikomawo, muliweebwa engule
ey'ekitiibwa ekitaliggwaawo.
5 Mmwe abavubuka, mugonderenga abakulu. Muweerezeganenga
mwekka na mwekka n'obuwombeefu kubanga
"Katonda akyawa ab'amalala
naye abawombeefu abawa omukisa."
6 Noolwekyo mwewombeeke wansi w'omukono gwa Katonda
ogw'amaanyi, naye alibagulumiza ng'obudde butuuse.
7 Mumutwalirenga byonna bye mweraliikirira kubanga abalumirwa era
afaayo ku buli ekibatuukako.
8 Mutunulenga, mwekuume omulabe wammwe Setaani, atambulatam-
bula ng'empologoma enjala gy'eruma egenda ng'ewuluguma ng'enoonya
gw'eneerya.
9 Mumwaŋŋange ng'abalumbye, nga mwesiga Mukama, era mujjukire
nti ebibonoobono ebiri ng'ebyo bituuka ne ku bakkiriza abalala mu nsi
yonna.
10 Bwe mulibonaabonera akaseera, Katonda waffe atukwatirwa ekisa
ng'ayita mu Kristo, alibawa ekitiibwa kye ekitaliggwaawo. Alibakomyawo,
alibazzaamu amaanyi, alibawanirira era alibanyweza.

11 Ekitiibwa n'amaanyi bibeerenga gy'ali emirembe n'emirembe. Amiina.

12 Ebbaluwa eno nzija kugikwasa Sirwano*, gwe mmanyi nga waaluganda mwesigwa ddala, agibaleetere. Nsuubira nga mbazizzaamu amaanyi mu bbaluwa eno, era nga mbalaze engeri Katonda gy'agabamu ekisa kye ekingi. Ebyo bye mbategeezezza bibayambe okunywerera mu kwagala kwe.

13 Balonde bannammwe mu kkanisa y'e Babulooni, babalamusizza. Ne mutabani wange Makko naye abalamusizza.
14 Mulamusagane n'okwagala okw'Ekikristaayo.

Emirembe gibeerenga mu mmwe mwenna abali mu Kristo.

* **5:12** Sirwano Mu Luyonaani oluusi ayitibwa Siira

# Ebbaluwa ya
# Peetero
## Omutukuvu Eyookubiri

1 Nze Simooni Peetero omuddu era omutume wa Yesu Kristo mpandi-
ikira abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo nga ffe, mu butuukirivu
bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo,
2 ekisa n'emirembe byeyongerenga mu mmwe nga mutegeera Katonda
ne Yesu Mukama waffe.

### *Okuyita n'okulonda kwa Katonda*

3 Kubanga mu maanyi g'obwakatonda bwe, mwe twaweerwa ebintu
byonna olw'obulamu buno n'okutya Katonda mu kumanya oyo eyatuyita
olw'ekitiibwa kye n'obulungi bwe ye.
4 Ebyo bye byatuweesa ebisuubizo eby'omuwendo ebikulu, mu byo
mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bw'obwakatonda, muwone
okuzikirira okuva mu kwegomba okubi okw'omu nsi.
5 Noolwekyo mufubenga nnyo, okukkiriza kwammwe mukwongereko
obulungi, ne ku bulungi mwongereko okutegeera,
6 ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga
mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya
Katonda,
7 ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku booluganda abalala
bonna ne ku kufaayo ku booluganda bonna abalala mwongereko okwa-
galananga.
8 Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, bibafuula ba
mugaso era ababala ebibala olw'okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo.
9 Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso era awunaawuna, era yeerabidde
bwe yanaazibwako ebibi bye eby'edda.
10 Kale, abooluganda mweyongerenga okunywerera mu kulondebwa
kwammwe ne mu kuyitibwa kwammwe. Kubanga bwe munaakolanga
bwe mutyo temulyesittala n'omulundi n'ogumu.
11 Era mulyanirizibwa n'essanyu lingi nnyo mu bwakabaka bwa
Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo.
12 Noolwekyo, ebyo nzija kubibajjukizanga buli kiseera, newaakubadde
nga mubimanyi, era nga ddala munyweredde mu mazima ge mwategeera.
13 Era ndowooza nti kiŋŋwanira nga nkyali mu mubiri guno, okubaku-
birizanga nga nneeyongera okubibajjukiza.
14 Kubanga mmanyi nga nnaatera okuva mu mubiri guno, nga Mukama
waffe Yesu Kristo bwe yantegeeza.
15 Kyenva nfuba ennyo okukola kyonna kye nsobola, ne bwe ndivaawo
mube ng'ebyo byonna mubijjukira.
16 Kubanga tetwagoberera ngero bugero ezaagunjibwa wabula twa-
bategeeza ebyo bye twalabirako ddala, eby'amaanyi n'okukomawo kwa
Mukama waffe Yesu Kristo, era n'obukulu bwe.
17 Kubanga Katonda Kitaffe yamuwa ekitiibwa n'ettendo, eddoboozi bwe
lyawulikika okuva mu ggulu mu kitiibwa ekingi ekimasamasa nti, "Ono ye
Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo."

18 Ffe bwe twali awamu naye ku lusozi olutukuvu, twawulirira ddala
eddoboozi eryo eryava mu ggulu.
19 Kyetuvudde tweyongera okukakasa ebyo bannabbi bye baategeeza,
era bwe munaabigonderanga munaabanga mukoze bulungi. Kubanga biri
ng'ettaala eyaka mu kizikiza okutuusa obudde lwe bukya, emunyeenye
ey'enkya n'eryoka eyaka mu mitima gyammwe.
20 Okusooka mukimanye nga buli bunnabbi obuli mu byawandiikibwa,
tewali ayinza kubunnyonnyola ku bubwe yekka.
21 Kubanga bannabbi tebaayogeranga byabwe ku bwabwe, wabula
baategeezanga ebyo Katonda bye yabalagiranga nga Mwoyo Mutukuvu
bwe yabibawanga.

# 2

*Abayigiriza ab'Obulimba*

1 Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe
walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso
enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama
waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu.
2 Abantu bangi baligoberera empisa zaabwe ez'obukaba ne bavuma-
ganyisa ekkubo ery'amazima;
3 balibafunamu amagoba mangi nga bakozesa ebigambo eby'obulimba
olw'omululu gwabwe. Abo Katonda yabasalira dda omusango era
n'okuzikirizibwa kwabwe tekubuusibwabuusibwa.
4 Katonda teyasaasira bamalayika abaayonoona, wabula yabasuula mu
lukonko oluwanvu olujjudde ekizikiza, gye bali, nga basibiddwa mu
njegere nga balindirira olunaku olw'okusalirwako omusango.
5 N'ensi ey'edda teyagisaasira, n'aleeta amataba ku nsi okuzikiriza
abo abataamutya, n'alokolako Nuuwa eyabuulira obutuukirivu wamu
n'abalala musanvu.
6 Era yasalira omusango abaali mu bibuga by'e Sodomu n'e Ggomola
bwe yabazikiriza, ne bisirikka mu muliro, bw'atyo n'alaga ebyo ebigenda
okutuuka ku buli atatya Katonda.
7 Kyokka n'awonya Lutti, omutuukirivu, eyalumwanga ennyo
olw'obulamu obw'abantu abo abajeemu.
8 Olw'okubanga yababeerangamu, buli lunaku, yalabanga era
n'awuliranga ebikolwa eby'obujeemu bye baakolanga, ekyo ne
kimuleetera okunyolwa mu mwoyo gwe omutuukirivu.
9 Mukama amanyi okuwonya n'okuggya mu kugezesebwa abamutya,
n'abonereza abatali bakkiriza okutuusa ku lunaku olw'okusalirako omu-
sango,
10 n'okusingira ddala abo abagoberera okwegomba kwabwe
okw'omubiri ne banyooma abakulembeze baabwe.
Tebaliiko kye batya, beerowoozaako bokka, era tebakwatibwa na nsonyi
kuvuma baakitiibwa.
11 Kyokka bo bamalayika newaakubadde be basinga abayigiriza abo
amaanyi n'obuyinza, bwe batwala ensonga ezo eri Mukama waffe
tebakozesa lulimi luvuma.
12 Abantu bali bavuma ne bye batategeera, bali ng'ensolo obusolo
ezitaliimu magezi ezikwatibwa okuttibwa ne zizikirizibwa; era nabo
okufaanana ng'ensolo ezo, bagenda kuzikirizibwa.
13 Abantu abo bagenda kubonerezebwa olw'ebibi bye bakola. Kubanga
buli lunaku bagoberera okwegomba kwabwe olw'okwesanyusa, era

abantu abo bakwasa mmwe ensonyi era babaswaza bwe beegatta nammwe mu mbaga zammwe, nga bakola effujjo mu masanyu gaabwe.
14 Balina amaaso agajjude obukaba, tebalekaayo kukola kibi buli kiseera boonoona era basendasenda abatali banywevu, bajjudde omululu. Baana abaakolimirwa,
15 abaakyama ne bava mu kkubo okufaanana nga Balamu mutabani wa Beyoli, eyayagala empeera ey'obutali butuukirivu.
16 Kyokka endogoyi etayogera, Katonda bwe yagyogeza n'emumanya olw'obujeemu bwe n'eziyiza eddalu lya nnabbi oyo.
17 Abantu abo nzizi ezitaliimu mazzi. Bali ng'ebire ebitwalibwa embuyaga, era baterekeddwa ekifo eky'ekizikiza ekikutte be zigizigi.
18 Boogera ebigambo eby'okwekuluntaza era ebitaliimu nsa. Mu kwegomba kw'omubiri ne mu bukaba bwabwe basendasenda abo abali okumpi n'okubadduka abakyatambulira mu kibi.
19 Babasuubiza eddembe, so nga bo bennyini baddu ba bikolwa ebibi eby'okuzikirira. Kubanga omuntu afuuka muddu w'ekyo ekimufuga.
20 Era abantu bwe bategeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo, ne badduka okuva mu bintu ebyo eby'ensi ebyonoona era ebitwala abantu mu kuzikirira, ate ne bava awo ne babiddamu, bibasibira ddala era obulamu bwabwe bufuuka bubi nnyo okusinga bwe bwali okusooka.
21 Ekyandisinze be bantu abo obutategeerera ddala kkubo lya Mukama waffe ery'obutuukirivu, eriggya abantu mu kuzikirira, okusinga lwe bamala okulitegeera, ate ne bava ku biragiro ebitukuvu bye baaweebwa.
22 Olugero olwagerebwa kyeluva lutuukirira ku bo olugamba nti, "Embwa eridde ebisesemye byayo," na luno nti: "Embizzi eva okunaazibwa ezzeeyo okwekulukuunya mu bitosi."

# 3

*Olunaku lwa Mukama*

1 Abaagalwa, eno y'ebbaluwa eyookubiri gye mbawandiikira. Mu bbaluwa zombi ngezezzaako okubakubiriza mutegeerere ddala ebyo ebituufu era ebisaana.
2 Mujjukire ebyo ebyayogerwa bannabbi abatukuvu n'ekiragiro kya Mukama waffe era Omulokozi waffe ekyaweebwa abatume bammwe.
3 Ekisooka, mutegeerere ddala nga mu nnaku ez'oluvannyuma abantu abagoberera okwegomba kw'omubiri gwabwe balijja mu mmwe nga babasekerera,
4 nga bwe bagamba nti, "Eyasuubiza nti alijja, aluwa? Kubanga kasookedde bajjajjaffe bafa, ebintu byonna biri nga bwe byabanga okuva ensi lwe yatondebwa!"
5 Beefuula abatamanyi nti edda Katonda yalagira bulagizi, era olw'ekigambo eggulu n'ensi ne bitondebwa. Olw'ekigambo kya Katonda ensi yatondebwa ng'eggyibwa mu mazzi era n'ebeera wakati w'amazzi.
6 Era olw'ekigambo ekyo ensi eyo ey'edda, amazzi gaagisaanyaawo n'ezikirira.
7 Era olw'ekigambo ekyo, eggulu n'ensi ebiriwo kaakano bikuumibwa nga birindiridde okwokebwa omuliro ku lunaku olw'okusalirako omusango, n'okuzikirizibwa kw'abo abatatya Katonda.

8 Naye, abooluganda, temusaana, kwerabira nti mu maaso ga Mukama
emyaka olukumi giri ng'olunaku olumu, era n'olunaku olumu luli
ng'emyaka olukumi.*
9 Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe
balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna
kubula, naye bonna beenenye.
10 Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja ng'omubbi bw'ajja nga
tewali n'omu amanyi; eggulu lirivaawo nga liwuuma nnyo, n'ebiririko
birizikirizibwa n'omuliro, era ensi n'ebintu ebigirimu birisirikka.
11 Kale obanga ebintu byonna bya kuzikirizibwa, mugwanidde
kubeeranga bantu ba mpisa ntukuvu era abatya Katonda,
12 nga mulindirira era nga mwegomba nnyo olunaku lwa Katonda oku-
tuuka, olunaku obwengula bwonna† bwe buryokebwa ne buzikirizirwa
n'ebiburimu ne bisaanuuka ne bisirikka.
13 Naye nga Katonda bwe yatusuubiza, tulindirira obwengula obuggya
n'ensi empya omuli obutuukirivu.
14 Kale, abaagalwa, nga bwe mulindirira ebintu ebyo okubaawo
mufubenga nnyo okuba abalongoofu abataliiko kya kunenyezebwa nga
mulina emirembe.
15 Kyokka mulowoozenga ku kubonyaabonyezebwa okw'obulokozi
bwa Mukama waffe, nga ne muganda waffe omwagalwa Pawulo kye
yabategeeza mu bbaluwa ze yabawandiikira mu magezi Katonda ge
yamuwa.
16 Weewaawo ebbaluwa ze zirimu bingi ebizibu okutegeera, kyokka
buli lw'awandiika aba ayogera ku nsonga ezo; wabula bo abatamanyi era
abatali banywevu babinnyonnyola nga bwe bannyonnyola ebyawandiik-
ibwa ebirala ne beereetako okuzikirira.
17 Kale, mmwe abaagalwa, ebyo nga bwe mubitegedde, mwekuume
muleme kukyamizibwa abantu abo abajeemu, si kulwa nga babaleetera
okugwa ne muva we munyweredde.
18 Mweyongere okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era
Omulokozi waffe Yesu Kristo.

Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano n'emirembe gyonna. Amiina.

---

* **3:8** laba Zab 90:4 † **3:12** obwengula y'ensi yonna n'ebizungirizi awamu n'ebintu ebirala byonna ebiburimu

# Ebbaluwa ya
# Yokaana
# Omutukuvu Omutume ey'Olubereberye

*Kigambo Aleeta Obulamu*

1 Tubawandiikira ku Kigambo ow'obulamu, eyaliwo okuva ku lubere-
berye, gwe twawulira, gwe twalaba n'amaaso gaffe, era gwe twakwatako
n'engalo zaffe.
2 Obulamu bwalabisibwa, era tubulabye, tubuweerako obujulirwa, era
tubategeeza obulamu obutaggwaawo obwali ne Kitaffe, era ne bulabis-
ibwa gye tuli.
3 Tubategeeza ekyo kye twawulira era kye twalaba, mulyoke mutwegat-
teko, mubeere bumu naffe, era mussekimu ne Kitaffe awamu n'Omwana
we Yesu Kristo.
4 Era tubawandiikira ebintu bino essanyu lyaffe liryoke lituukirire.

*Okutambulira mu Musana*

5 Buno bwe bubaka bwe twafuna okuva gy'ali: tubategeeza nti, Katonda
musana; mu ye temuliimu kizikiza n'akatono.
6 Noolwekyo bwe twogera nti tussakimu naye, ate ne tutambulira mu
kizikiza, tuba balimba era tetuba ba mazima.
7 Naye bwe tutambulira mu musana nga ye bw'ali omusana, olwo
tussakimu buli muntu ne munne, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we,
gutunaazaako buli kibi kyonna.
8 Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba
mu ffe.
9 Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu
okutusonyiyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna.
10 Bwe tugamba nti tetulina kibi, tumufuula mulimba era nga
n'ekigambo kye tekiri mu ffe.

## 2

*Kristo Omuwolereza Waffe*

1 Baana bange abaagalwa, ebintu bino mbibawandiikidde mulemenga
okukola ekibi. Naye omuntu yenna bw'akolanga ekibi tulina omuwolereza
eri Kitaffe, ye Yesu Kristo Omutuukirivu.
2 Ye, ye mutango olw'ebibi byaffe, naye si lwa bibi byaffe byokka, wabula
ne ku lw'ebibi by'abantu bonna.
3 Bwe tugondera ebiragiro bye, kye kikakasa nti tumutegeera.
4 Kyokka oyo agamba nti amutegeera n'atakuuma biragiro bye, aba
mulimba, era si wa mazima.
5 Naye buli agondera ekigambo kye, ddala ng'okwagala kwa Katonda
kutuukiridde mu muntu oyo. Era ekyo kye kitukakasisa nti tuli mu ye.
6 Oyo agamba nti ali mu ye, asaana okutambula nga Mukama waffe
yennyini bwe yatambula.
7 Abaagalwa, sibawandiikira kiragiro kiggya, naye mbawandiikira ekira-
giro ekyabaawo edda, kye kyo kye mwawuliranga okuva ku lubereberye.

8 Kyokka nno ekiragiro kino kye mbawandiikira kiggya era kikakasiriz-
ibwa mu ye ne mu mmwe. Kubanga ekizikiza kigenda kiggwaawo era
omusana ogw'amazima kaakano gwaka.
9 Omuntu agamba nti atambulira mu musana, kyokka ate n'akyawa
owooluganda, aba akyali mu kizikiza.
10 Naye ayagala owooluganda aba ali mu musana, era talinaawo
kimwesittaza.
11 Kyokka oyo akyawa owooluganda, aba akyali mu kizikiza, era mu
kizikiza ekyo mw'atambulira, nga tategeera gy'alaga, kubanga ekizikiza
kimuzibye amaaso.
12 Baana bange abaagalwa,
mbawandiikidde kubanga musonyiyiddwa ebibi byammwe
olw'erinnya lye.
13 Era nammwe abakulu, mbawandiikidde
kubanga mwamutegeera okuva ku lubereberye.
Nammwe abavubuka, mbawandiikidde
kubanga muwangudde omubi.
Mmwe abaana abaagalwa bawandiikidde,
kubanga mutegedde Kitaffe.

14 Mbawandiikidde mmwe abakulu
kubanga mutegedde oyo eyabaawo okuva ku lubereberye.
Mbawandiikidde mmwe abavubuka
kubanga muli ba maanyi
era n'ekigambo kya Katonda kibeera mu mmwe,
era muwangudde omubi.

### *Temwagalanga Nsi*

15 Temwagalanga nsi, wadde eby'ensi. Kubanga omuntu yenna ayagala
ensi taliimu kwagala kwa Kitaffe.
16 Kubanga buli eky'ensi: okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba
kw'amaaso, n'okwekuluntaza okw'obulamu, si bya Kitaffe, naye bya nsi.
17 Ensi n'okwegomba kwayo byonna biggwaawo, naye buli akola
Katonda by'ayagala abeerera emirembe gyonna.

### *Omulabe wa Kristo*

18 Baana bange, ekiseera ekisembayo kituuse. Mwategeezebwa
ng'Omulabe wa Kristo bw'agenda okujja, era ne kaakano waliwo abalabe
ba Kristo bangi, era kwe tutegeerera ng'ekiseera ekisembayo kituuse.
19 Abantu abo tebaali baffe ddala, era kyebaava batwawukanako,
kubanga singa baali baffe ddala bandisigalidde ddala mu ffe. Naye
baatuvaako kiryoke kitegeerekekere ddala nga bonna si b'ewaffe.
20 Kyokka mmwe mwafukibwako amafuta okuva eri Omutukuvu, era
mumanyi byonna.
21 Kyenva mbawandiikira, si lwa kubanga temumanyi mazima,
naye lwa kubanga mugategeera era mumanyi okwawula eby'obulimba
n'eby'amazima.
22 Omulimba y'ani, wabula oyo agamba nti Yesu si ye Kristo. Omuntu
oyo yennyini ye Mulabe wa Kristo, era oyo takkiririza Kitaffe wadde
Omwana.
23 Kubanga buli atakkiriza Mwana era ne Kitaffe tamukkiriza. Buli
ayatula Omwana aba alina ne Kitaffe.

24 Ekituufu kye mwawulira okuva ku lubereberye kibeerenga mu mmwe. Bwe munaakuumanga ekyo kye mwawulira okuva ku lubereberye, Omwana awamu ne Kitaffe banaabeeranga wamu nammwe.

25 Na kuno kwe kusuubiza kwe yatusuubiza: obulamu obutaggwaawo.

26 Mbawandiikidde bino olw'okubanga waliwo abo ababalimbalimba.

27 Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza.

28 Kaakano, abaana abaagalwa, munywerere mu Kristo, bw'alirabika tulyoke tube bagumu abatalikwatibwa nsonyi ku lunaku lw'aliddirako.

29 Nga bwe mumanyi nti Mukama mutuukirivu, kirungi mutegeere nti oyo akola eby'obutuukirivu ye mwana we.

# 3

### *Abaana ba Katonda*

1 Mulabe okwagala Katonda kw'atwagala bwe kuli okunene ennyo, n'atuyita abaana be, era ddala bwe tutyo bwe tuli. Ensi kyeva eremwa okututegeera, kubanga naye yennyini teyamutegeera.

2 Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, naye tetumanyi bwe tuliba. Kyokka tumanyi nti bw'alirabika tulifaanana nga ye, kubanga tulimulabira ddala nga bw'ali.

3 Buli muntu alina essuubi eryo yeetukuza nga Katonda bw'ali omutukuvu.

4 Buli muntu akola ebibi aba mujeemu, era ekibi bwe bujeemu.

5 Naye mmwe mumanyi nti ye, yalabisibwa alyoke aggyewo ebibi. Era mu ye, temuliimu kibi.

6 Era tewali n'omu abeera mu ye ate ne yeeyongera okukola ekibi. Wabula oyo eyeeyongera okukola ekibi tamutegeeranga, era tamumanyi n'akatono.

7 Abaana abaagalwa, temulimbibwalimbibwanga muntu n'omu; Buli akola eby'obutuukirivu aba mutuukirivu, nga Katonda bw'ali omutuukirivu,

8 naye buli akola ekibi wa Setaani, kubanga okuva olubereberye Setaani akola bibi. Omwana wa Katonda kyeyava ajja mu nsi azikirize ebikolwa bya Setaani.

9 Noolwekyo tewali afuuka mwana wa Katonda ate ne yeeyongera okukola ekibi, kubanga ensigo ya Katonda ebeera mu ye, so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda.

10 Ku kino abaana ba Katonda n'aba Setaani kwe bategeererwa. Buli akola ebitali bya butuukirivu si wa Katonda, era na buli atayagala muganda we si wa Katonda.

### *Mwagalanenga*

11 Kubanga buno bwe bubaka bwe twawulira okuva ku lubereberye nti twagalanenga,

12 si nga Kayini eyali owa Setaani, n'atta muganda we. Kale yamuttira ki? Kayini yatta muganda we kubanga Kayini yakola ebibi, so nga ye muganda we yakola eby'obutuukirivu.

13 Abooluganda, ensi bwe bakyawanga, temwewuunyanga.

14 Kubanga ffe tumanyi nga twava mu kufa, ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala abooluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa.

15 Buli akyawa muntu munne, oyo aba mussi, era mukimanyi nti tewali mussi alina obulamu obutaggwaawo mu ye.

16 Mu kino mwe tutegeerera okwagala, kubanga yawaayo obulamu bwe ku lwaffe, era naffe kyetuva tuteekwa okuwaayo obulamu bwaffe olw'abooluganda.

17 Buli alina ebintu eby'omu nsi n'alaba muganda we nga yeetaaga, naye n'abulwako ky'amuwa, okwagala kwa Katonda, kuyinza kutya okuba mu ye?

18 Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu.

19 Mu ekyo mwe tutegeerera nga tuli ba mazima, era ne tukkakkanya omutima gwaffe mu maaso ge.

20 Singa omutima gwaffe tegutusalira musango, Katonda ye asinga omutima gwaffe era ye ategeera ebintu byonna.

21 Abaagalwa, omutima gwaffe bwe gutatusalira musango, tuba bagumu mu maaso ga Katonda.

22 Era buli kye tumusaba akituwa, kubanga tugondera ebiragiro bye, era ne tukola ebimusanyusa.

23 Era kino ky'atulagira nti, tukkiririze mu linnya ly'Omwana we Yesu Kristo, era twagalanenga nga ye bwe yatulagira.

24 Kale oyo agondera ebiragiro bye abeera mu Ye, era naye abeera mu ye. Kino tukimanyi ng'ali mu ffe, kubanga Mwoyo Mutukuvu gwe yatuwa abeera mu ffe.

# 4

*Mugezese Emyoyo*

1 Abaagalwa, temukkirizanga buli myoyo, naye musookenga okugyetegereza mulabe obanga givudde eri Katonda, kubanga kaakano waliwo bannabbi ab'obulimba bangi mu nsi.

2 Eno y'engeri gye tutegeeramu Mwoyo wa Katonda: buli ayatula nti Yesu Kristo yafuuka omubiri, ng'ava eri Katonda, oyo y'alina Mwoyo wa Katonda.

3 Naye buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda. Ogwo gwe mwoyo ogw'Omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nti ajja mu nsi, era amaze okutuuka.

4 Mmwe, abaana abaagalwa, muli ba Katonda era mumaze okuwangula, kubanga oyo ali mu mmwe wa maanyi okusinga oyo ali mu nsi.

5 Bo ba nsi era boogera bya nsi, era abantu b'ensi kyebava babawuliriza.

6 Naye ffe tuli bantu ba Katonda, era buli amanyi Katonda atuwuliriza; atali wa Katonda tatuwuliriza. Eyo y'engeri gye tusobola okwawulamu omwoyo ogw'amazima n'omwoyo ogw'obulimba.

7 Abaagalwa, twagalanenga, kubanga okwagala kuva eri Katonda, era buli alina okwagala mwana wa Katonda, era amanyi Katonda.

8 Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda, kubanga Katonda kwagala.

9 Katonda yatulaga okwagala kwe, bwe yatuma mu nsi Omwana we omu yekka bw'ati, tulyoke tube abalamu ku bw'oyo.

10 Mu kino mwe tutegeerera ddala okwagala kwennyini, kubanga teyakikola lwa kuba nti ffe twali twagala Katonda, naye ye yennyini ye yatwagala, n'awaayo Omwana we ng'omutango olw'ebibi byaffe.
11 Kale abaagalwa, nga Katonda bwe yatwagala bw'atyo naffe tuteekwa okwagalananga.
12 Tewali n'omu eyali alabye ku Katonda, naye bwe twagalana, Katonda abeera mu ffe, n'okwagala kwe ne kulabikira mu ffe.
13 Mu ekyo mwe tutegeerera nti Katonda ali mu ffe era naffe tuli mu Ye, olwa Mwoyo gw'atuwadde.
14 Era ffe twamulaba n'amaaso gaffe, kyetuva tutegeeza nti Kitaffe yatuma Omwana we okuba Omulokozi w'ensi.
15 Kale buli ayatula nti Yesu Mwana wa Katonda, nga Katonda ali mu ye era nga naye ali mu Katonda.
16 Ffe tumanyi okwagala kwa Katonda era tukkiririza mu kwagala kwe okwo kw'alina gye tuli.

Katonda kwagala, era buli abeera n'okwagala abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye.
17 Bwe twagala bannaffe nga Kristo bwe yakola ng'ali mu nsi muno, tetulibaako kye tweraliikirira ku lunaku olw'okusalirako omusango.
18 Mu kwagala temuliimu kutya, kubanga okwagala okutuukiridde kumalawo okutya; kubanga okutya kulimu okubonerezebwa, na buli atya, aba tannatuukirira mu kwagala.
19 Tulina okwagala kubanga Ye ye yasooka okutwagala.
20 Omuntu yenna bw'agamba nti, "Njagala Katonda," naye n'akyawa muganda we, omuntu oyo mulimba. Kubanga buli atayagala muganda we gw'alabako, tasobola kwagala Katonda gw'atalabangako.
21 Era Katonda yennyini yatulagira nti, "Buli ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we."

# 5

### *Obuwanguzi bwaffe*

1 Buli akkiriza nti Yesu ye Kristo, oyo aba mwana wa Katonda, era buli ayagala kitaawe w'omwana ayagala n'omwana we.
2 Ku ekyo kwe tutegeerera nga twagala abaana ba Katonda, bwe twagala Katonda ne tukola by'atulagira.
3 Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu,
4 kubanga buli mwana wa Katonda awangula ekibi n'okwegomba ensi, era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, kwe kukkiriza kwaffe.
5 Naye ani ayinza okuwangula ensi okuggyako oyo akkiriza nti Yesu Mwana wa Katonda?

### *Yesu Kristo*

6 Yesu Kristo oyo yennyini ye yajja n'amazzi n'omusaayi, si na mazzi, naye n'amazzi n'omusaayi. Era ne Mwoyo ekyo akikakasa kubanga Mwoyo ye mazima.
7 Waliwo okukakasa kwa mirundi esatu:
8 Mwoyo Mutukuvu, n'amazzi, n'Omusaayi, era ebisatu ebyo bikkiriziganya.

9 Obanga tukkiriza obujulirwa bw'abantu, obujulirwa bwa Katonda
tusaana okubukkiriza ennyo n'okusingawo, kubanga bwe businga
obukulu ng'ategeeza ku Mwana we.
10 Kale buli akkiririza mu Mwana wa Katonda akyetegeezeza ddala ye
yennyini. Oyo atakkiririza mu Katonda ng'amufudde mulimba, kubanga
takkiriza ekyo Katonda ky'ayogera ku Mwana we.
11 Era buno bwe bujulirwa nti: "Katonda yatuwa obulamu obutagg-
waawo, era obulamu buno buli mu Mwana we."
12 Buli alina Omwana alina obulamu, naye oyo atalina Mwana wa
Katonda talina bulamu.

*Okumaliriza*

13 Ebyo mbiwandiikidde mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa
Katonda, mulyoke mumanye nti mulina obulamu obutaggwaawo.
14 Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba
ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira.
15 Era bwe tutegeera nti atuwulira bwe tumusaba, buli kye tumusaba
talema kukituwa.
16 Omuntu yenna bw'alaba muganda we ng'agudde mu kibi ekitali kya
kufa, amusabirenga, Katonda talirema kumuwa bulamu. Njogera ku abo
bokka abagwa mu kibi ekitali kya kufa.
17 Buli ekitali kya butuukirivu kibi, naye waliwo ekibi ekitaleetera
muntu kufa.
18 Tumanyi nga buli muntu yenna azaalibwa Katonda teyeeyongera
kukola kibi, kubanga Katonda amukuuma, Setaani n'atamukola kabi.
19 Tumanyi nga tuli ba Katonda, n'ensi yonna eri mu mikono gya Setaani.
20 Era tumanyi ng'Omwana wa Katonda yajja mu nsi, n'atuwa
okutegeera tumanye Katonda ow'amazima, era tuli mu oyo Katonda
ow'amazima, ne mu Yesu Kristo Omwana we. Oyo ye Katonda
ow'amazima n'obulamu obutaggwaawo.

21 Abaana abaagalwa, mwewalenga bakatonda abalala.

# Ebbaluwa ya
# Yokaana
## Omutukuvu Omutume Eyookubiri

1 Nze omukadde mpandiikira omukyala omulonde awamu n’abaana be,
be njagalira ddala mu mazima, si nze mbaagala nzekka, wabula n’abo
bonna abategeera amazima.
2 Amazima ago gabeera mu ffe, era gajjanga kubeera mu ffe emirembe
gyonna.
3 Ekisa, n’okusaasira n’emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Yesu
Kristo Omwana wa Kitaffe bijjanga kubeera naffe mu mazima ne mu
kwagala.

4 Nnasanyuka nnyo, bwe nnasanga abamu ku baana bo nga batambulira
mu mazima nga bwe twalagirwa Kitaffe.
5 Naye nnyabo kaakano nkusaba nga siri ng’akuwa ekiragiro ekiggya,
naye nkujjukiza ekiragiro ekyo Katonda kye yatuwa okuva ku lubereberye
nti, “Twagalanenga.”
6 Era kuno kwe kwagalana nti tugonderenga ebiragiro bya Katonda.
Kubanga okuva ku lubereberye twategeezebwa nga bwe tuteekwa oku-
tambula.
7 Mwekuume, abalimba bangi mu nsi abatakkiriza nti Yesu yayambala
omubiri. Buli muntu ayogera bw’atyo mulimba era mulabe wa Kristo.
8 Mwekuume, muleme okufiirwa kye twakolerera, wabula mukikuume
kubanga mulifuna empeera yammwe yonna.
9 Buli asukka ku ebyo Kristo by’ayigiriza n’atabinywerer amu, talina Ka-
tonda; naye oyo anywerera mu kuyigiriza okwo alina Kitaffe n’Omwana.
10 Omuntu yenna bw’ajja gye muli, n’atayigiriza bw’atyo, temumwani-
rizanga mu nnyumba yammwe, n’okulamusa temumulamusanga.
11 Kubanga buli amusembeza aba yeenyigidde mu bikolwa ebyo ebibi.

12 Mbadde na bingi eby’okubawandiikira, kyokka saagala byonna
kubibawandiikira buwandiikizi, wabula nsuubira okubakyalira tulyoke
twogeraganye nga tulabagana amaaso n’amaaso, essanyu lyaffe liryoke
lituukirire.

13 Abaana ba mwannyoko omulonde bakulamusizza.

# Ebbaluwa ya Yokaana Omutukuvu Omutume Eyokusatu

1 Nze, Omukadde, mpandiikira ggwe Gayo omwagalwa, gwe njagala mu
mazima.

2 Munnange omwagalwa, nkusabira okole bulungi ebintu byonna era
obeere mulamu mu mubiri, nga bw'oli mu mwoyo.
3 Abooluganda bwe nabatuukako kya nsanyusa nnyo bwe bambuulira
nti onyweredde mu mazima, era nti mw'otambulira.
4 Tewali kindeetera ssanyu lisinga ng'eryo lye nfuna bwe mpulira nti
abaana bange batambulira mu mazima.
5 Omwagalwa, okola ekintu kya bwesigwa buli lw'okolera abooluganda
ebirungi na ddala ababeera ku ŋŋendo ne bw'oba tobamanyi.
6 Baategeeza Ekkanisa omukwano gwe wabalaga awamu ne bye
wabakolera. Kibeera kirungi singa obasiibuza ekirabo ekiba kisaanidde.
7 Kubanga baatambulira mu linnya lya Mukama, nga tebakkiriza ebyo
abatali bakkiriza bye baabawanga.
8 Noolwekyo ffe ffennyini, ffe tusaana okubalabirira tulyoke tufuuke
bakozi bannaabwe mu mazima.

*Diyotuleefe ne Demeteriyo*

9 Nawandiikira Ekkanisa ku nsonga eyo, kyokka Diyotuleefe,
olw'okwagala okwefuula omukulembeze tatwagala.
10 Bwe ndijja ndibategeeza ebimu ku bintu by'akola, n'ebintu
by'atwogerako ebitali birungi, era n'olulimi oluvuma lw'akozesa. Takoma
ku kugaana kwaniriza abooluganda abatambuze kyokka, naye n'okulagira
alagira abantu abalala nabo, baleme okubaaniriza era abo ababaaniriza
agezaako okubagoba mu Kkanisa.
11 Mukwano gwange, togobereranga kyakulabirako ekibi wabula
eby'obutuukirivu. Gobereranga ebyo byokka by'olaba nga bya bu-
tuukirivu. Kirungi ojjukirenga nti abo abakola eby'obutuukirivu baba
bakakasiza ddala nga bwe bali abaana ba Katonda; naye abakola ebitali
bya butuukirivu balaga nga bwe bali ewala ne Katonda.
12 Naye buli omu ayogera bya mazima ku Demeteriyo. Nange mwoger-
ako bya mazima byereere. Naye omanyi nga nze njogera mazima.

13 Mbadde na bingi eby'okukugamba, kyokka saagala kubikuwandiikira
mu bbaluwa,
14 kubanga nsuubira okukulaba mu bbanga ttono. Kale olwo tuliba na
bingi eby'okwogerako ffembi nga tulabaganye amaaso n'amaaso.

15 Emirembe gibeerenga naawe.

Ab'emikwano abali wano bakulamusizza. Nange, mikwano gyange abali
eyo, buli omu munnamusize.

# Ebbaluwa ya Yuda Omutukuvu

1 Nze, Yuda, omuddu wa Yesu Kristo, era muganda wa Yakobo,
mpandiikira abaagalwa bonna abaayitibwa mu Katonda Kitaffe, era
abakuumibwa Yesu Kristo.

2 Ekisa kya Katonda, n'emirembe, n'okwagala byeyongerenga mu
mmwe.

### *Abayigiriza ab'Obulimba*

3 Abaagalwa, nnali neesunga nnyo okubawandiikira ku bulokozi bwaffe
bwe ntyo nawalirizibwa okubawandiikira nga mbazzaamu amaanyi
nga mbegayirira mulwanirire okukkiriza abatukuvu kwe baaweebwa
omulundi ogumu.
4 Waliwo abantu abajja mu bubba, abaawandiikwako edda nga
baasalirwa omusango, abatatya Katonda abajerega ekisa kya Katonda
waffe, ne bakiyisaamu amaaso, ne beegaana Yesu Kristo Mukama waffe,
omu yekka.
5 Naye njagala okubajjukiza nti newaakubadde nga byonna mubimanyi,
nga olunaku lumu Mukama yalokola eggwanga n'aliggya mu nsi y'e Misiri,
oluvannyuma n'azikiriza abatakkiriza,
6 ne bamalayika abataakuuma kitiibwa kyabwe ne badda mu kukola bye
baayagala ne balekulira n'ebifo byabwe, abo Katonda yabasiba mu njegere
n'abassa mu kkomera ery'ekizikiza ekikutte gye balindiririra okusalirwa
omusango.
7 Temusaanye kwerabira bibuga ebya Sodomu ne Ggomola n'ebibuga
ebyali bibiriraanye. Byonna byali bijjudde kwegomba okubi n'obwenzi,
nga n'abasajja bakolaganako eby'ensonyi. Ebibuga ebyo byazikiriz-
ibwa n'omuliro, era byabonerezebwa n'omuliro ogutaggwaawo bibeere
ekyokulabirako gye tuli.

### *Okukozesa Olulimi Oluvvoola*

8 Mu ngeri y'emu abo abaloota bagwagwawaza omubiri, ate oludda ne
banyooma obuyinza, ne bavvoola ne bamalayika.
9 Kale newaakubadde nga Mikayiri, ye malayika asinga obukulu, naye
bwe yali akaayana ne Setaani ku mulambo gwa Musa, teyamuvuma
wabula yagamba bugambi nti, "Mukama akunenye!"
10 Naye kale abantu bano bavvoola kye batategeera, era okufaanana
ng'ensolo obusolo bakola buli kye baagala, era ebyo bibaleetedde
okuzikirira.
11 Zibasanze abo! Kubanga bagoberera ekkubo lya Kayini, era bakola
buli kye basobola okufunamu ensimbi okufaanana nga Balamu, era ne
bajeemera Katonda nga Koola bwe yakola, noolwekyo balizikirizibwa.
12 Abantu bano bwe bajja ne babeegattamu nga muli ku mbaga zammwe
ez'okumanyagana, baba ng'amabala amabi, nga tebatya, nga beefaako
bokka, nga bali ng'ebire ebitaliimu mazzi ebitwalibwa empewo; oba
ng'emiti egiwaatudde, egitaliiko bibala, egyafa emirundi ebiri, egyaku-
ulibwa n'emirandira;

13 oba ng'amayengo ag'oku nnyanja agasiikuuse, ebikolwa byabwe ne bibaswaza; oba ng'emmunyeenye eziva mu kkubo lyazo, eziterekeddwa ekizikiza ekikutte ennyo eky'olubeerera.

14 Enoka eyaliwo nga wayiseewo emirembe musanvu okuva ku Adamu, abantu bano yaboogerako eby'obunnabbi nti, "Mulabe Mukama ajja n'abatukuvu be abangi ennyo.

15 Alireeta abantu bonna mu maaso ge basalirwe omusango mu bwenkanya olw'ebikolwa byabwe bonna abatatya Katonda, bye baakola mu bugenderevu, n'olw'ebigambo byonna ebizibu abakozi b'ebibi bye bamwogeddeko eby'obutatya Katonda."

16 Beemulugunya, era bakola buli kye beegomba, era nga boogerera waggulu ebigambo eby'okweraga; era olaba bassizzaamu omuntu ekitiibwa ng'omanya nti balina kye bamwagalako.

### *Okugumiikiriza*

17 Naye mmwe, abaagalwa, mujjukire abatume ba Mukama waffe Yesu Kristo ebigambo bye baayogera edda

18 bwe baabagamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma walijjawo abantu abalibasekerera, nga beegomba nga bwe baagala, nga batambulira mu bitasiimibwa Katonda."

19 Abo be bo abaleeta enjawukana, ab'omubiri obubiri era abatalina Mwoyo Mutukuvu.

20 Naye mmwe, abaagalwa, musaana okuzimba obulamu bwammwe nga bweyongera okuba obw'amaanyi, nga mubuzimbira ku musingi ogw'okukkiriza kwammwe okutukuvu, era nga musaba mu Mwoyo Mutukuvu,

21 nga mwekuumira mu kwagala kwa Katonda, nga mwesunga okusaasira kwa Mukama waffe Yesu Kristo olw'obulamu obutaggwaawo.

22 Mubeerenga ba kisa eri abo ababuusabuusa mu kukkiriza,

23 n'abalala mufubenga okubawonya nga mubakwakkula mu nnimi z'omuliro, n'abalala mubatuuse eri Mukama nga muyita mu kubalaga ekisa ng'aboonoonyi, wabula mukyawe ekyambalo, ekijjudde amabala agakiteekeddwako omubiri gwabwe.

### *Okusaba okw'Okutendereza*

24 Katonda asobola okubawanirira muleme okuva mu kkubo lye, era n'okubatuusa mu maaso ge ag'ekitiibwa nga temuliiko kamogo era nga mujjudde essanyu;

25 Katonda oyo omu yekka atulokola okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe, agulumizibwe era atenderezebwenga olw'amaanyi ge n'obuyinza bwe, okuva ku mirembe gyonna egyayita, ne kaakano era ne mu mirembe egitaliggwaawo! Amiina.

# Ekitabo kya Yokaana Omutukuvu Omutume Ekiyitibwa
# Okubikkulirwa

*Ennyanjula*

1 Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo, Katonda kwe yamuwa okulaga abaddu
be ebyo ebiteekwa okubaawo amangu. Kristo yakimanyisa ng'atuma
malayika we eri omuweereza we Yokaana
2 eyategeeza ekigambo kya Katonda n'obujulirwa bwa Yesu Kristo ku
byonna bye yalaba.
3 Alina omukisa oyo asoma n'abo abawulira ebigambo by'obunnabbi
buno, ne beekuuma ebiwandiikiddwa, kubanga ekiseera kiri kiweddeyo.

*Okulamusa n'Okutendereza Mukama*

4 Nze Yokaana mpandiikira Ekkanisa omusanvu eziri mu Asiya.
Mbagaliza ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda oyo aliwo, era eyaliwo
era alibaawo; n'ebiva eri emyoyo omusanvu egiri mu maaso g'entebe ye
ey'obwakabaka,*
5 era n'okuva eri Yesu Kristo omujulirwa omwesigwa. Oyo ye yasooka
okuzuukira mu bafu, era y'afuga bakabaka ab'omu nsi; oyo yatwagala,
era ye yatuggya mu bibi byaffe n'omusaayi gwe,
6 n'atufuula obwakabaka bw'obwakabona bwa Katonda, Kitaawe. Eki-
tiibwa n'obuyinza bibeerenga eri oyo emirembe n'emirembe. Amiina.
7 "Laba, ajja n'ebire,
na buli liiso lirimulaba,
n'abaamufumita balimulaba,
era n'amawanga gonna ku nsi galimukungubagira."
Weewaawo. Amiina!
8 "Nze Alufa ne Omega,"†bw'ayogera Mukama Katonda, "oyo aliwo,
eyabaawo era alikomawo, Ayinzabyonna."

*Oyo eyali ng'Omwana w'Omuntu*

9 Nze muganda wammwe Yokaana, abonaabonera awamu nammwe
mu bwakabaka ne mu kugumiikiriza ebiri mu Yesu, nnali ku kizinga
ekiyitibwa Patumo, olw'ekigambo kya Katonda era n'okujulira ebya Yesu.
10 Nnali mu mwoyo ku lunaku lwa Mukama waffe,‡ ne mpulira
eddoboozi ery'omwanguka emabega wange, eryavuga ng'ery'akagombe,
11 nga ligamba nti, "By'olaba, biwandiike mu kitabo, okiweereze eri
Ekkanisa omusanvu: Ekkanisa ey'omu Efeso, n'ey'omu Sumuna, n'ey'omu
Perugamo, n'ey'omu Suwatira, n'ey'omu Saadi, n'ey'omu Firaderufiya
n'ey'omu Lawodikiya."

---

* **1:4** Amakanisa omusanvu gaali geeyawudde kilomita amakumi ataano nga gali mu ngeri ya nnekulungo, okuva ku Efeso okutuuka ku Lawodikiya, ekiri mu buvanjuba bwa Efeso. Ekitabo kyonna ekya kubikkulirwa kyaweerezebwa mu buli kkanisa † **1:8** Alufa ne Omega ze nnukuta ez'Oluyonaani. Alufa y'esooka, Omega n'esembayo. Katonda ye ntandikwa era ye nkomerero ‡ **1:10** Olunaku lwa Mukama waffe: kye kikozesebwa okutegeeza olunaku olusooka olwa wiiki, era lujjukirwa nga lwe lunaku Yesu lwe yazuukirirako mu bafu. Lwe lunaku Abakristaayo kwe baakuŋŋaaniranga ne basolooza ebirabo

12 Ne nkyuka okulaba eyali ayogera nange, ne ndaba ebikondo by'ettaala
ebya zaabu musanvu.
13 Era wakati mu byo ne ndabamu omuntu "eyali ng'Omwana
w'Omuntu" eyali ayambadde ekyambalo ekiwanvu ekikoma ku bigere,
nga yeesibye mu kifuba olukoba olwa zaabu.
14 Omutwe gwe n'enviiri ze byali byeru ng'ebyoya by'endiga ebyeru, era
nga bifaanana ng'omuzira, n'amaaso ge nga gali ng'ennimi z'omuliro.
15 Ebigere bye byali ng'ekikomo ekizigule ekyakaayakana mu muliro
n'eddoboozi lye nga liyira ng'amazzi amangi.
16 Yali akutte emmunyeenye musanvu mu mukono gwe ogwa ddyo era
ng'alina ekitala ekyogi eky'obwogi obubiri§ mu kamwa ke; n'ekyenyi kye
nga kiri ng'enjuba eyakaayakana mu maanyi gaayo.
17 Bwe namulaba, ne ngwa wansi ku bigere bye ne mba ng'afudde,
kyokka ye n'anteekako omukono gwe ogwa ddyo n'aŋŋamba nti, "Totya.
Nze Owooluberebeberye era Owenkomerero,
18 era omulamu. Nnali nfudde naye kaakano ndi mulamu emirembe
gyonna, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'amagombe.
19 "Kale wandiika ebyo by'olabye ebiriwo n'ebyo ebinaatera okubaawo
oluvannyuma lw'ebyo ebiriwo.
20 Ka nkubuulire amakulu g'emmunyeenye omusanvu z'olabye mu
mukono gwange ogwa ddyo, era n'ebikondo eby'ettaala ebya zaabu omu-
sanvu. Emmunyeenye omusanvu be bamalayika b'Ekkanisa omusanvu,
ate ebikondo by'ettaala eza zaabu omusanvu ze Kkanisa omusanvu."

# 2

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Efeso*

1 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Efeso wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera oyo akwata emmunyeenye omusanvu mu ngalo
ze mu mukono gwe ogwa ddyo, oyo atambulira wakati w'ebikondo
by'ettaala omusanvu ebya zaabu.

2 Nti mmanyi ebikolwa byo n'okugumiikiriza kwo, era nga tosobola
kugumiikiriza bakozi ba bibi era ng'ogezesezza abo abeeyita abatume
n'obavumbula nga balimba.
3 Era ogumiikirizza okubonaabona n'oguma olw'erinnya lyange,
n'otokoowa.
4 Naye nnina ensonga gye nkuvunaana: tokyanjagala nga bwe
wanjagalanga edda.
5 Noolwekyo jjukira we waseeseetuka. Weenenye, onjagale nga bwe
wanjagalanga edda. Naye bw'otookole bw'otyo ndijja gy'oli ne nzigyawo
ekikondo ky'ettaala yo mu kifo kyakyo, okuggyako nga weenenya.
6 Wabula ekirungi ekikuliko kye kino: okyawa ebikolwa
by'Abanikolayiti*nga nange bwe mbikyawa.
7 Alina amatu, awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo. Oyo
awangula ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu oguli mu nnimiro ya
Katonda.

§ **1:16** Ekitala ekyogi eky'obwogi obubiri ekyogerwako wano, kyali kiwanvu nga kifaanana ekitala kya Sirasiya * **2:6** Abanikolayiti kyali kibinja ky'abantu mu kkanisa ekyali kisizza ekimu n'abakaafiri abaasinzanga ebifaananyi. Baayigirizanga nti Omwoyo yabakkiriza okusinza ebifaananyi n'okukola ebikolwa eby'obugwagwa

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Sumuna*

8 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Sumuna wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera Owoolubereberye era Owenkomerero eyali afudde oluvannyuma n'azuukira n'aba mulamu,
9 nti mmanyi okubonaabona kwo n'obwavu bwo, naye ng'oli mugagga, era n'okulimirira kw'abo abeeyita Abayudaaya songa ssi Bayudaaya, wabula kuŋŋaaniro lya Setaani.
10 Temutya n'akatono ebyo bye mugenda okubonaabona. Laba Setaani anaatera okusiba abamu ku mmwe mu makomera okubagezesa. Muliyigganyizibwa okumala ennaku kumi ddamba. Mubeere beesigwa okutuusa okufa, nange ndibawa engule ey'obulamu.
11 Alina amatu, awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo. Oyo awangula talifa mulundi gwakubiri.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Perugamo*

12 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'e Perugamo wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera oyo alina ekitala ekyogi eky'obwogi obubiri
13 nti, Mmanyi gy'obeera awo awali entebe y'obwakabaka bwa Setaani, kyokka ng'onywezezza erinnya lyange era wasigala n'okukkiriza kwo, ne mu biseera Antipa omujulirwa wange omwesigwa mwe yattirwa wakati mu mmwe, eyo Setaani gy'abeera.
14 Naye nkulinako ensonga ntono: eyo olinayo ab'enjigiriza eya Balamu eyayigiriza Balaki okutega abaana ba Isirayiri omutego n'abaliisa ennyama ey'omuzizo eyassaddaakirwa eri bakatonda abalala, era n'okwenda.
15 Ate era olinayo n'abakkiririza mu njigiriza y'Abanikolayiti.
16 Noolwekyo weenenye, bw'otookikole ndijja mangu ne nnwanyisa abantu abo n'ekitala eky'omu kamwa kange.
17 Alina amatu, awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo. Oyo awangula ndimuwa ku maanu eyakwekebwa. Era ndimuwa ejjinja eryeru eriwandiikiddwako erinnya eriggya eritamanyiddwa muntu mulala yenna wabula oyo aliweereddwa."

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Suwatira*

18 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Suwatira wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera Omwana wa Katonda, oyo alina amaaso agali ng'ennimi ez'omuliro, n'ebigere ebimasamasa ng'ekikomo ekizigule
19 nti, Mmanyi ebikolwa byo, n'okwagala kwo, n'okukkiriza kwo, n'obutuukirivu bwo, n'okugumiikiriza kwo, era n'ebikolwa byo eby'oluvannyuma bisinga ebyasooka.
20 Kyokka nkulinako ensonga eno. Ogumiikiriza omukazi Yezeberi eyeeyita nnabbi omukazi akyamya abaweereza bange ng'abayigiriza obwenzi n'okulya emmere eweereddwayo eri bakatonda abalala.
21 Namuwa ekiseera yeenenye, kyokka tayagala kwenenya bwenzi bwe.
22 Laba, ndimulwaza obulwadde obulimusuula ku ndiri, era n'abo baayenda nabo mbatuuse ku bulumi obw'amaanyi, okuggyako nga beenenyezza ebikolwa byabwe.
23 Era nditta abaana be. Olwo Ekkanisa zonna ziryoke zitegeere nti nkebera emitima n'ebirowoozo era ndibasasula ng'ebikolwa byabwe bwe biri.

24 Kale mmwe abalala abali mu Suwatira abatagoberera kuyig-
iriza kuno abatamanyi bintu bya Setaani eby'obuziba ng'enjogera
bw'egamba, sigenda kubassaako mugugu mulala.
25 Wabula munyweze nnyo kye mulina okutuusa lwe ndijja.
26 Oyo aliwangula era n'oyo alisigala ng'akola emirimu gyange
okutuusa ku nkomerero, ndimuwa obuyinza okufuga amawanga.
27 'Alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma, n'abayasaayasa ng'ayasaayasa
ebibya eby'ebbumba.'
28 Era ndimuwa emmunyeenye ey'enkya nga nange bwe nagiweebwa
Kitange.
29 Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

# 3

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Saadi*

1 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Saadi wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera oyo alina emyoyo omusanvu egya Katonda
n'emmunyeenye omusanvu nti, Mmanyi ebikolwa byo, ng'olina erinnya
eriraga nti oli mulamu so nga oli mufu.
2 Kale weegendereze onyweze ebikyasigaddewo ebitannafa. Kubanga
mu by'okola sinnalabamu by'otuukiriza mu maaso ga Katonda wange.
3 Kale jjukira bye wayigirizibwa ne bye wawulira obikwate era
weenenye. Bw'otegendereze ndijja mangu ng'omubbi, so tolimanya
ssaawa gye ndijjiramu gy'oli.
4 Naye waliwo abamu mu Saadi abatonotono abatayonoonanga
byambalo byabwe, balitambula nange nga bambadde engoye enjeru,
kubanga basaanidde.
5 Na buli awangula alyambazibwa engoye enjeru nga bali, era
sirisangula linnya lye mu kitabo ky'obulamu, naye ndyatula erinnya lye
mu maaso ga Kitange ne bamalayika be nti oyo muntu wange.
6 Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Firaderufiya*

7 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Firaderufiya wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera oyo Omutukuvu era ow'amazima era alina ek-
isumuluzo kya Dawudi aggulawo ne wataba aggalawo, n'okuggalawo
ne wataba aggulawo.

8 Mmanyi ebikolwa byo. Laba nkugguliddewo oluggi, omuntu
yenna lw'atayinza kuggala; kubanga olina amaanyi matono, okuumye
ekigambo kyange n'oteegaana linnya lyange,
9 laba nnyinza okuwaayo abamu ku abo ab'omu kuŋŋaaniro lya
Setaani abeeyita Abayudaaya; laba ndibaleeta okuvuunama ku bigere
byammwe bategeere nti mbaagala.
10 Olwokubanga wakwata ekigambo kyange eky'okugumiikiriza,
nange ndikuwonya ekiseera eky'okugezesebwa ekinaatera okujja.
11 Nzija mangu! Nnyweza ky'olina waleme kubaawo akutwalako
ngule yo.
12 Awangula ndimufuula empagi mu Yeekaalu ya Katonda wange,
mw'ataliva emirembe gyonna, era ndimuwandiikako erinnya lya Katonda
wange, n'erinnya ly'ekibuga kya Katonda wange, Yerusaalemi ekiggya nga
kikka okuva mu ggulu eri Katonda wange n'erinnya lyange eriggya.

13 Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Lawodikiya*

14 "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Lawodikiya wandiika nti:
Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa, omwesigwa, ow'amazima, omukulu w'abaliwo, n'abalibaawo emirembe gyonna, era ensibuko y'ebitonde bya Katonda.

15 Mmanyi ebikolwa byo: toyokya so tonnyogoga, nandiyagadde obe ng'oyokya oba ng'onnyogoga.
16 Naye olwokubanga oli wa kibuguumirize toyokya so tonnyogoga,
kinaandetera okukuwandula okuva mu kamwa kange.
17 Olwokubanga ogamba nti, 'Ndi mugagga era nnina ebintu bingi, sso
siriiko kye neetaaga. Sirina kimbulako!' Sso n'otomanya ng'oli munaku asaasirwa, omwavu, omuzibe w'amaaso era ali obwereere.
18 Nkuwa amagezi onguleko ebya zaabu, eyalongoosebwa mu muliro,
olyoke ogaggawale. Era onguleko ebyambalo ebyeru, obyambale, owone ensonyi ez'okuyita obwereere; onguleko n'omuzigo osiige ku maaso go, osobole okulaba.
19 Buli gwe njagala mmunenya era mmukangavvula; kale nyiikira okwenenya.
20 Laba nnyimiridde ku luggi era nkonkona. Buli awulira eddoboozi
lyange n'aggulawo, nnaayingira omumwe ne tuliira wamu ffembi.
21 Buli awangula ndimukkiriza okutuula ng'anninaanye, ku ntebe yange ey'obwakabaka, nga nange bwe nawangula ne ntuula ne Kitange ku ntebe ye.
22 Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo."

# 4

*Entebe ey'Obwakabaka mu Ggulu*

1 Laba, oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba oluggi oluggule mu ggulu,
era ne mpulira n'eddoboozi lye limu lye nawulira olubereberye eryali livuga ng'eryekkondere nga liŋŋamba nti, "Yambuka wano nkulage ebyo ebiteekwa okubaawo oluvannyuma lwa biri."
2 Amangwago, nga ndi mu mwoyo, laba, ne ndaba entebe
ey'obwakabaka ng'etegekeddwa mu ggulu, ne ku ntebe eyo nga kuliko atuddeko.
3 Eyali agituddeko yali ayakaayakana ng'amayinja ag'omuwendo
omungi aga yasepi ne sadio; era ng'entebe eyo yeetooloddwa musoke ng'ayakaayakana nga zumaliidi.
4 Entebe ey'obwakabaka yali yeetooloddwa entebe endala amakumi
abiri mu nnya nga zituuliddwako abakadde amakumi abiri mu bana, bonna nga bambadde engoye enjeru nga balina engule eza zaabu ku mitwe gyabwe.
5 Mu ntebe eyo ey'obwakabaka ne muvaamu okumyansa n'amaloboozi
n'okubwatuka. Mu maaso g'entebe eyo waaliwo ettabaaza ezaaka musanvu, nga gy'emyoyo omusanvu egya Katonda.
6 Ne mu maaso g'entebe eyo waaliwo ekiri ng'ennyanja
ey'endabirwamu, ekifaanana nga kulusitalo. Waaliwo ebiramu bina ebijjudde amaaso mu bwenyi n'emabega waabyo nga biri wakati w'entebe ey'obwakabaka n'okugyetooloola.

7 Ekisooka ku biramu bino kyali ng'empologoma, ekyokubiri nga
kifaanana ng'ennyana, n'ekyokusatu kyalina amaaso ng'ag'omuntu,
n'ekyokuna kyali ng'empungu, ebuuka.
8 Buli kimu ku biramu bino ebina kyalina ebiwaawaatiro mukaaga nga
bijjudde amaaso enjuuyi zonna ne wansi. Era buli lunaku emisana n'ekiro,
awatali kuwummula, nga bigamba nti,

"Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu,
Mukama Katonda Ayinzabyonna,
Oyo eyaliwo, aliwo, era ajja okubaawo."

9 Era ebiramu ebyo ebina, buli lwe byawanga ekitiibwa n'ettendo
n'okwebaza, Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, abeera omulamu
emirembe gyonna,
10 abakadde amakumi abiri mu abana ne bavuunama mu maaso g'Oyo
atudde ku ntebe ey'obwakabaka, omulamu emirembe n'emirembe, ne
bamusinza. Ne bateeka engule zaabwe mu maaso g'entebe eyo, nga bwe
bagamba nti,
11 "Mukama waffe era Katonda waffe,
osaanidde okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza,
kubanga gwe watonda ebintu byonna
era byonna byatondebwa ku lulwo
era gwe wasiima okubiteekawo."

# 5

### *Omuzingo gw'Ekitabo n'Omwana gw'Endiga*

1 Awo ne ndaba omuzingo gw'ekitabo mu mukono ogwa ddyo ogw'Oyo
eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka, nga guwandiikiddwamu munda ne
kungulu era nga guteekeddwako obubonero bw'envumbo musanvu.
2 Ne ndaba malayika ow'amaanyi ng'ayogera mu ddoboozi
ery'omwanguka ng'abuuza nti, "Ani asaanidde okubembulula obubonero
obusibiddwa ku muzingo gw'ekitabo guno alyoke aguzingulule?"
3 Ne wataba n'omu mu ggulu newaakubadde ku nsi, wadde wansi
w'ensi, eyayinza okugwanjuluza wadde okugutunulamu.
4 Awo ne nkaaba amaziga mangi, kubanga tewaalabikawo n'omu
eyasaanira okwanjuluza omuzingo newaakubadde okugutunulamu.
5 Awo omu ku bakadde abiri mu abana n'aŋŋamba nti, "Lekeraawo
okukaaba, kubanga, laba, empologoma ey'omu kika kya Yuda, ow'omu lu-
lyo lwa Dawudi, yawangula, era y'ayinza okukutula obubonero omusanvu
obw'envumbo n'okuzingulula omuzingo gw'ekitabo."
6 Ne ndaba nga ali ng'Omwana gw'Endiga ng'attiddwa ng'ayimiridde
wakati w'entebe ey'obwakabaka n'ebiramu ebina, ne wakati w'abakadde,
ng'alina amayembe musanvu n'amaaso musanvu, gy'emyoyo omusanvu
egya Katonda, egitumibwa mu buli kitundu eky'ensi.
7 N'asembera n'aggya omuzingo gw'ekitabo mu mukono ogwa ddyo
ogw'Oyo eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka.
8 Bwe yagukwata, ebiramu ebina n'abakadde amakumi abiri mu
abana, ne bagwa mu maaso g'Omwana gw'Endiga ne bavuunama, buli
omu ng'alina ennanga era ng'akutte ekibya ekya zaabu, ekyali kijjudde
obubaane obwakaloosa nga butegeeza okusaba kw'abantu abatukuvu.
9 Baali bamuyimbira oluyimba oluggya nti,
"Ggw'osaanidde okutoola omuzingo gw'ekitabo,
n'okusumulula ebigusibye n'okuguzingulula,
kubanga wattibwa,

omusaayi gwo ne gununula abantu ba Katonda okubaggya mu buli kika,
na buli lulimi, na buli ggwanga, na buli nsi.
10 N'obafuula obwakabaka ne bakabona ba Katonda okumuweerezanga,
era be balifuga ensi."
11 Awo ne ndaba era ne mpulira eddoboozi lya bamalayika enkumi
n'enkumi, n'enkuyanja nga beetoolodde entebe ey'obwakabaka awamu
n'ebiramu biri n'abakadde bali.
12 Ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
"Omwana gw'Endiga eyattibwa,
asaanidde okuweebwa obuyinza, n'obugagga, n'amagezi n'amaanyi,
n'ekitiibwa, n'ettendo n'okwebazibwa!"
13 Ne ndyoka mpulira buli kitonde kyonna mu ggulu ne ku nsi ne wansi
w'ensi ne mu nnyanja ne byonna ebigirimu nga bitendereza nti,
"Okutenderezebwa, n'ettendo, n'ekitiibwa,
n'amaanyi by'Oyo atudde ku ntebe y'obwakabaka awamu n'Omwana gw'Endiga,
Emirembe n'emirembe."
14 Ebiramu ebina ne biddamu nti, "Amiina." N'abakadde ne bavuunama
ne bamusinza.

# 6

*Obubonero bw'Envumbo*

1 Awo ne ndaba Omwana gw'Endiga ng'abembulula akamu ku
bubonero bw'envumbo; ne mpulira ekimu ku biramu ebina nga kyogera
n'eddoboozi eryawulikika ng'okubwatuka nga kigamba nti, "Jjangu!"
2 Ne ndaba, era laba, embalaasi enjeru, ng'agyebagadde alina omutego
ogulasa akasaale; n'aweebwa engule n'agenda ng'awangula, n'awangulira
ddala.
3 Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookubiri, ne mpulira
ekiramu ekyokubiri nga kyogera nti, "Jjangu!"
4 Ne wavaayo embalaasi endala nga myufu, eyali agyebagadde
n'aweebwa ekitala ekiwanvu, n'aweebwa n'obuyinza okuggyawo
emirembe ku nsi, n'okuleeta entalo wakati w'abantu, battiŋŋane bokka
na bokka.
5 Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akokusatu ne mpulira eki-
ramu ekyokusatu nga kyogera nti, "Jjangu!" Era laba, ne ndaba embalaasi
enzirugavu n'eyali agyebagadde ng'akutte minzaani mu mukono gwe.
6 Ne mpulira eddoboozi eryawulikika ng'eriva wakati w'ebiramu ebina
nga ligamba nti, "Omugaati gumu gugula ddinaali, ne kilo y'obuwunga
bwa sayiri nayo bw'eba egula, kyokka omuzigo n'envinnyo tobyonoona."
7 Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookuna ne mpulira eki-
ramu ekyokuna nga kyogera nti, "Jjangu!"
8 Ne ndaba, era laba, embalaasi ey'erangi ensiiwuukirivu n'eyali agyeba-
gadde ng'ayitibwa Walumbe, ne Magombe n'agenda naye. Ne baweebwa
okufuga ekitundu ekyokuna eky'ensi, okutta n'ekitala, n'enjala, n'olumbe,
n'ensolo enkambwe ez'oku nsi.
9 Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookutaano ne ndaba
wansi w'ekyoto emyoyo egy'abo abattibwa olw'okubuulira ekigambo kya
Katonda n'olw'okuba abeesigwa mu bujulizi bwabwe.
10 Ne bakaabirira Mukama n'eddoboozi ery'omwanguka nga bagamba
nti, "Ayi Mukama, Omutukuvu era ow'amazima, onoosalira ddi abantu
b'ensi omusango, n'owoolera eggwanga olw'omusaayi gwaffe?"

11 Buli omu ku bo n'aweebwa ekyambalo ekyeru, era ne bagam-
bibwa okugira nga bawummulako okutuusa baganda baabwe abalala
era baweereza bannaabwe aba Yesu abaali bagenda okuttibwa, lwe
balibeegattako.
12 Awo ne ndaba ng'abembulula akabonero k'envumbo ak'omukaaga;
ne wabaawo musisi ow'amaanyi ennyo, era enjuba n'eddugala n'efuuka
nzirugavu ng'ekibukutu ekyakolebwa mu bwoya, n'omwezi gwonna ne
gumyuka ng'omusaayi.
13 Awo emmunyeenye ez'omu ggulu ne zigwa ku nsi ng'omutiini bwe
gukunkumula emitiini egitanayengera olwa kibuyaga ow'amaanyi,
14 n'eggulu ne lyezingako ng'omuzingo gw'ekitabo bwe gwezingazinga
na buli lusozi na buli kizinga ne biggibwawo mu bifo byabyo.
15 Bakabaka b'ensi, n'abafuzi ab'oku ntikko n'abantu abagagga,
n'abakulu b'amaggye n'ab'amaanyi, na buli muddu n'ow'eddembe, ne
beekweka mu mpuku ne mu njazi z'ensozi.
16 Ne bagamba ensozi nti, "Mutugweko mutukweke mu maaso g'Oyo
atudde ku ntebe ey'obwakabaka, ne mu busungu bw'Omwana gw'Endiga.
17 Kubanga olunaku olukulu olw'obusungu bwabwe lutuuse era ani
ayinza okugumira obusungu bwabwe!"

# 7

*144,000 Bateekebwako Obubonero obw'Envumbo*

1 Oluvannyuma lw'ebyo, ne ndaba bamalayika bana nga bayimiridde ku
njuyi ennya ez'ensi, nga bakutte empewo ennya ez'ensi zireme okukunta,
waleme kubaawo mpewo ekunta ku nsi, wadde ku nnyanja wadde ku muti
gwonna.
2 Ne ndaba malayika omulala ng'ava ebuvanjuba ng'akutte ak-
abonero k'envumbo aka Katonda omulamu, n'ayogera mu ddoboozi
ery'omwanguka ng'agamba bamalayika abana abaali baweereddwa obuy-
inza okwonoona ensi n'ennyanja nti,
3 "Temukola kintu kyonna, ekinaayonoona ensi, n'ennyanja oba emiti,
okutuusa nga tumaze okuteeka akabonero k'envumbo ka Katonda akakulu
ku byenyi by'abaweereza ba Katonda waffe."
4 Awo ne mpulira omuwendo gw'abo abaateekebwako akabonero
k'envumbo nga baali emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya (144,000)
okuva mu bika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri.

5 Ab'omu kika kya Yuda omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Lewubeeni omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Gaadi omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
6 ab'omu kika kya Aseri omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Nafutaali omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Manaase omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
7 ab'omu kika kya Simyoni omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Leevi omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Isakaali omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
8 ab'omu kika kya Zebbulooni omutwalo gumu mu enkumi bbiri
(12,000),
ab'omu kika kya Yusufu omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),
ab'omu kika kya Benyamini omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000).
Abo be baateekebwako akabonero k'envumbo.

### *Ekibiina ky'Abantu Obutabalika nga Bambadde Ebyambalo Ebyeru*

9 Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina ky'abantu ekinene ennyo nga tebasoboka na kubalika, nga bava mu buli nsi na buli kika, na buli ggwanga na buli lulimi, nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ne mu maaso g'Omwana gw'Endiga nga bambadde ebyambalo ebyeru nga balina n'enkindu mu ngalo zaabwe.

10 Ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nga bagamba nti,

“Obulokozi bwa Katonda waffe
atudde ku ntebe ey'obwakabaka
era bwa Mwana gw'Endiga.”

11 Awo bamalayika bonna ne bayimirira nga beetoolodde entebe ey'obwakabaka n'abakadde era n'ebiramu ebina, ne bavuunama mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ng'ebyenyi byabwe biri wansi ne basinza Katonda.

12 Ne bayimba nti,
“Amiina!
Okutenderezebwa, n'ekitiibwa, n'amagezi,
n'okwebazibwa, n'ettendo,
n'obuyinza, n'amaanyi,
bibe eri Katonda waffe emirembe n'emirembe.
Amiina!”

13 Awo omu ku bakadde n'ambuuza nti, “Bano abambadde ebyambalo ebyeru obamanyi, era omanyi gye bava?”

14 Ne nziramu nti. “Mukama wange, gw'omanyi.”

N'aŋŋamba nti, “Bano be baayita mu kubonaabona okunene, ne bayoza ebyambalo byabwe ne babitukuza mu musaayi gw'Omwana gw'Endiga.

15 Kyebavudde
“babeera wano mu maaso g'entebe ey'obwakabaka eya Katonda
nga bamusinza emisana n'ekiro mu Yeekaalu ye.
Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka,
anaaberanga nabo ng'abalabirira.
16 Tebaliddayo kulumwa njala
wadde ennyonta,
newaakubadde omusana okubookya
wadde ekyokya ekirala kyonna;
17 kubanga Omwana gw'Endiga ayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka,
y'anaabeeranga omusumba waabwe
era y'anaabakulemberanga okubatwala eri ensulo ez'amazzi ag'obulamu.
Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe.”

## 8

### *Akabonero k'Envumbo ak'Omusanvu n'Ekyoterezo ekya Zaabu*

1 Awo Omwana gw'Endiga bwe yabembulula akabonero k'envumbo ak'omusanvu ne wabaawo akasiriikiriro mu ggulu lyonna okumala ng'ekitundu ky'essaawa.

2 Ne ndaba bamalayika omusanvu abaali bayimiridde mu maaso ga Katonda ne baweebwa amakondeere musanvu.

3 Awo malayika omulala eyalina ekyoterezo ekya zaabu n'ajja n'ayimirira okuliraana ekyoto, n'aweebwa obubaane bungi nnyo abuweeyo, wamu n'okusaba kw'abatukuvu bonna, ku kyoto ekya zaabu ekyali mu maaso g'entebe ey'obwakabaka.

4 Akaloosa akalungi n'omukka ebyava mu bubaane obutabuddwamu n'okusaba kw'abatukuvu ne kambuka eri Katonda nga kava mu kyoto malayika mwe yabufuka.

5 Malayika n'addira ekyoterezo n'akijjuza omuliro gw'aggye ku kyoto n'aguyiwa wansi ku nsi, ne wabaawo okubwatuka, n'okuwuluguma, n'okwakaayakana, n'okumyansa kw'eggulu era ne wabaawo ne musisi.

### *Abafuuyi b'Amakondeere*

6 Awo bamalayika omusanvu abaalina amakondeere omusanvu ne beetegeka okufuuwa amakondeere gaabwe.

7 Malayika ow'olubereberye n'afuuwa ekkondeere lye, omuzira n'omuliro nga byetabudde n'omusaayi ne bisuulibwa wansi ku nsi. Ekitundu ekyokusatu eky'ensi ne kiggya omuliro, bwe kityo n'ekitundu kimu kya kusatu eky'emiti ne kiggya omuliro, n'omuddo gwonna ne guggya.

8 Malayika owookubiri n'afuuwa ekkondeere lye, ekintu ekinene ennyo nga kifaanana ng'olusozi olunene ennyo nga lwonna lwaka omuliro ne kisuulibwa mu nnyanja. Ekitundu ekimu ekyokusatu ekyennyanja ne kifuuka omusaayi,

9 n'ekimu ekyokusatu eky'ebitonde eby'omu nnyanja ne kifa, n'ekitundu ekimu ekyokusatu eky'amaato ne kizikirira.

10 Malayika owookusatu n'afuuwa ekkondeere lye, emmunyeenye ennene eyakaayakana n'egwa okuva mu ggulu, n'egwa mu kitundu ekimu ekyokusatu eky'emigga n'ensulo z'amazzi.

11 Emmunyeenye eyo yali eyitibwa "Kukaawa" n'etteeka obutwa mu kitundu ekimu ekyokusatu eky'amazzi gonna, abantu bangi ne bafa.

12 Malayika owookuna n'afuuwa ekkondeere lye, ekitundu ekimu ekyokusatu eky'enjuba n'ekimu ekyokusatu eky'omwezi, n'ekimu ekyokusatu eky'emmunyeenye, ne bikubwa; era ekyavaamu, obudde obw'emisana ne buzikirako ekitundu ekimu ekyokusatu, n'ekiro ne kyeyongera okukwata ekitundu ekimu ekyokusatu, n'omusana ne gulema okwaka ekitundu ekimu ekyokusatu, n'ekizikiza ne kyeyongera bwe kityo.

13 Ne ndaba empungu emu ng'ebuuka mu bbanga ng'ereekaana mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Zibasanze, Zibasanze, Zibasanze abantu ab'oku nsi olw'ebintu eby'entiisa ebinaatera okubatuukako kubanga bamalayika abasatu abasigaddeyo banaatera okufuuwa amakondeere gaabwe."

## 9

1 Awo malayika owookutaano n'afuuwa ekkondeere lye, ne ndaba emmunyeenye ng'eva mu ggulu ng'egwa ku nsi era n'eweebwa ekisumuluzo eky'obunnya obutakoma.

2 Bwe yabusumulula, omukka ne gufubutuka okuvaamu ng'oguva mu kikoomi ekinene ennyo, era enjuba ne bbanga lyonna ne bibuna ekizikiza olw'omukka ogw'omu bunnya.

3 Enzige ne ziva mu mukka ne zikka ku nsi ne ziweebwa obuyinza okuluma ng'enjaba ez'obusagwa.

4 Zaagambibwa obutakola ku muddo kabi konna, newaakubadde ebimera, wadde emiti; wabula zirumbe abantu abo abataalina kabonero ka Katonda mu byenyi byabwe.

5 Tezaagambibwa kubatta wabula okubabonyaabonya okumala emyezi etaano nga zibaluma bulumi, ng'obulumi bwazo buli ng'obuva mu kubojjebwa enjaba ez'obusagwa.

6 Mu biro ebyo abantu balyagala okwetta naye tekirisoboka kubanga okufa kuliba kubeesamba; balyegomba okufa naye kwo, nga kubadduka buddusi!

7 Enzige zino zaali zifaanana ng'embalaasi ezitegekeddwa okugenda ku lutalo okulwana, ne ku mitwe gyazo nga kuli ng'okutikkiddwa engule za zaabu ate ebyenyi byazo nga biri ng'eby'abantu.

8 Obwoya bwazo nga buli ng'enviiri z'abakazi, ate go amannyo gaazo gaali ng'ag'empologoma.

9 Zaali zambadde eby'omu bifuba ebiri ng'eby'ebyuma, nga n'ebiwaawaatiro byazo biwuluguma ng'eddoboozi lya nnamuziga w'amagaali, ag'embalaasi ennyingi nga zifubutuka okulaga mu lutalo.

10 Zaalina emikira egibojja ng'egy'enjaba ez'obusagwa. N'obuyinza bwazo obw'okubonyaabonya obwaziweebwa obw'emyezi etaano bwali mu mikira omwo.

11 Kabaka waazo ye malayika ow'obunnya obutakoma, erinnya lye mu Lwebbulaniya ye Abadoni* ate mu Luyonaani ye Apolwoni.†

12 Eky'entiisa ekisooka ne kiyita, naye ng'ekyaliyo bya mirundi ebiri ebijja!

13 Awo malayika ow'omukaaga n'afuuwa ekkondeere lye, ne mpulira eddoboozi nga lyogera okuva mu mayembe ana agali ku kyoto ekya zaabu ekiri mu maaso ga Katonda,

14 nga ligamba malayika oyo ow'omukaaga nti, "Sumulula bamalayika abana abaasibirwa ku mugga omunene Fulaati."

15 Bamalayika abana abaali basibiddwa nga balindirira omwaka n'omwezi ogwo, n'olunaku olwo, n'essaawa eyo, ne basumululwa okutta ekitundu ekimu ekyokusatu eky'abantu.

16 Ne mpulira omuwendo ogw'eggye ery'abaserikale nga bali obukadde ebikumi bibiri.

17 Ne ndaba mu kwolesebwa, ng'embalaasi n'abaali bazeebagadde nga bambadde eby'omu bifuba ebimyufu, era mwalimu n'abambadde ebya bbululu n'ebya kyenvu. Emitwe gy'embalaasi gyali gifaanana ng'egy'empologoma, ne mu bumwa bwazo ne muvaamu omuliro n'omukka ne salufa.

18 Ebibonyoobonyo ebyo ebisatu: Omukka n'omuliro n'obuganga ebyava mu bumwa bwazo ne bitta ekitundu ekimu ekyokusatu eky'abantu.

19 Amaanyi gaazo ag'okutta tegaali mu bumwa bwazo mwokka, naye gaali ne mu mikira gyazo, kubanga emikira egyo gyali ng'emitwe gy'emisota, nga gye zibojjesa.

20 Naye era abantu abaasigalawo nga balamu oluvannyuma lw'ebibonoobono bino ne bagaana okwenenya ebikolwa byabwe. Ne batalekaayo kusinza baddayimooni n'ebifaananyi ebyakolebwa n'emikono ebya zaabu n'ebya ffeeza, n'eby'ebikomo, n'eby'amayinja n'omuti, ebitalaba yadde okuwulira so n'okutambula tebitambula.

21 Era tebeenenya butemu bwabwe, wadde obulogo, wadde obwenzi, wadde obubbi bye baakolanga.

* 9:11 Abadoni kitegeeza muzikiriza † 9:11 Apolwoni kitegeeza nnamuzisa

# 10

*Malayika n'Omuzingo gw'Ekitabo Omutono*

1 Ne ndaba malayika omulala ow'amaanyi ng'akka okuva mu ggulu nga
yeetooloddwa ekire, ng'ayambadde musoke ku mutwe gwe; amaaso ge
nga gaakaayakana ng'enjuba ate ebigere bye nga byaka ng'omuliro.
2 Yali alina mu ngalo ze omuzingo gw'ekitabo omutono ng'agwanjuluzza,
n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja ate ekya kkono n'akiteeka ku
lukalu.
3 N'aleekaana mu ddoboozi ery'omwanguka nga liri ng'okuwuluguma
kw'empologoma. Ne wabaawo n'okubwatuka kwa mirundi musanvu
olw'eddoboozi eryo.
4 Ebibwatuka omusanvu bwe byayogera, nnali n'atera okuwandiika, ne
mpulira eddoboozi eryava mu ggulu nga ligamba nti, "Teeka akabonero
ku ebyo ebibwatuka omusanvu bye byogedde, so tobiwandiika."
5 Awo malayika gwe nalaba ng'ayimiridde ku nnyanja ne ku lukalu
n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu,
6 n'alayira Oyo omulamu abeerera emirembe gyonna, eyatonda eggulu
n'ebintu byonna ebirimu, n'atonda n'ensi n'ebintu byonna ebigirimu,
n'atonda n'ennyanja ne byonna ebigirimu, ng'agamba nti, "Tewaliba
kulwa nate.
7 Naye mu nnaku ez'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu, bw'aliba
anaatera okufuuwa ekkondeere, ekyama kya Katonda kiribikkulwa, nga
bwe yabuulira abaddu be, bannabbi."
8 Eddoboozi lye nnawulira nga liva mu ggulu, ne liddamu ne liŋŋamba
nti, "Twala omuzingo gw'ekitabo nga mubikkule okuva mu mukono gwa
malayika ayimiridde ku nnyanja ne ku lukalu."
9 Ne ŋŋenda eri malayika ne mugamba ampe omuzingo gw'ekitabo
ogwo omutono. N'aŋŋamba nti, "Gutwale ogulye; mu kamwa ko
guliwoomerera ng'omubisi gw'enjuki, naye guligulumbya olubuto lwo."
10 Ne nziggya omuzingo ogwo omutono mu mukono gwa malayika ne
ngulya, ne gumpomera ng'omubisi gw'enjuki, naye bwe nagumira ne
gugulumbya olubuto lwange.
11 Ne baŋŋamba nti, "Kikugwanidde okuwa obunnabbi nate ku
mawanga, n'ensi, n'ennimi ne bakabaka bangi."

# 11

*Abajulizi Ababiri*

1 Ne mpeebwa olumuli oluli ng'omuggo okupima ne ŋŋambibwa nti,
"Golokoka opime Yeekaalu ya Katonda n'ekyoto n'abo abasinziza mu
Yeekaalu.
2 Naye oluggya olw'ebweru lwo tolupima kubanga luweereddwayo
eri amawanga, era balirinnyirira ekibuga ekitukuvu okumala emyezi
amakumi ana mu ebiri (42).
3 Era ndiwa abajulirwa bange ababiri nga bambadde ebibukutu ne bawa
obunnabbi okumala ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga (1,260)."
4 Abajulirwa abo ababiri gy'emiti emizeeyituuni ebiri era ebikondo
by'ettaala ebibiri, abayimirira mu maaso ga Mukama ow'ensi yonna.
5 Omuntu yenna agezaako okubakolako akabi azikirizibwe n'omuliro
oguva mu kamwa kaabwe, ne gwokya abalabe baabwe; era omuntu yenna
bw'ayagala okubakolako akabi, bwe kityo kigwana ye okuttibwa.

6 Balina obuyinza okuggalawo eggulu enkuba n'etetonnya mu nnaku
ez'obunnabbi bwabwe, era balina n'obuyinza okufuula amazzi omusaayi
n'okuleeta buli kubonaabona kwonna ku nsi buli lwe banaabanga
baagadde.
7 Bwe balimala okuwa obujulirwa bwabwe, ensolo enkambwe eva
mu bunnya obutakoma erirangirira olutalo ebalwanyise, era ebatte
n'okubawangula ebawangule.
8 Emirambo gyabwe girisigala mu nguudo z'ekibuga ekinene, Mukama
waabwe mwe yakomererwa ku musaalaba; ekibuga ekiyitibwa "Sodomu"
mu mwoyo oba ensi eya "Misiri" mu mwoyo
9 Era okumala ennaku ssatu n'ekitundu emirambo gyabwe girirabibwa
abantu abamu n'ebika, n'ennimi, n'amawanga mu nguudo z'ekibuga.
Tewali n'omu alikkirizibwa kubaziika.
10 Era walibaawo okusanyuka ku nsi, abantu bonna nga bajaguza
n'okuweerezagana ebirabo, n'okwekulisa bannabbi abo ababiri abaliba
bafudde abaali bababonyaabonya ennyo.
11 Naye oluvannyuma lw'ennaku essatu n'ekitundu omwoyo
gw'obulamu oguva eri Katonda ne gubayingiramu ne bayimirira. Awo
okutya kungi ne kujjira buli muntu yenna eyabalaba.
12 Awo ne bawulira eddoboozi ery'omwanguka okuva mu ggulu nga
ligamba nti, "Mulinnye mujje wano." Ne balinnya mu kire okugenda mu
ggulu ng'abalabe baabwe babalaba.
13 Mu ssaawa eyo y'emu ne wabaawo musisi eyasuula ekitundu ekimu
eky'ekkumi eky'ekibuga, era abantu kasanvu ne bafa. Abaawona baatya
nnyo era ne bagulumiza Katonda ow'eggulu.
14 Eky'entiisa ekyokubiri ne kiyita, naye ekyokusatu kijja mangu.

### *Ekkondeere ery'Omusanvu*

15 Awo malayika ow'omusanvu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo
oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti,
"Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse
bwa Mukama waffe ne Kristo we,
era anaafuganga emirembe n'emirembe."
16 Awo abakadde amakumi abiri mu abana abaali batudde ku ntebe
zaabwe ne bavuunama mu maaso ga Katonda ne bamusinza
17 nga bagamba nti,
"Tukwebaza, ayi Mukama Katonda Ayinzabyonna,
ggwe aliwo kati era eyaliwo,
kubanga weddizza obuyinza bwo obungi ennyo,
Era ofuga.
18 Amawanga gaakunyiigira,
naye kaakano naawe ky'ekiseera kyo okubayiwako ekiruyi kyo
era ky'ekiseera okusalira abo abaafa omusango,
n'okuwa empeera abaweereza bo bannabbi,
n'abatukuvu bo, n'abo abatya erinnya lyo
abakulu n'abato,
n'okuzikiriza abo abaaleeta okuzikirira ku nsi."
19 Awo Yeekaalu ya Katonda ey'omu ggulu n'eggulwawo, n'essanduuko
ey'endagaano n'erabika mu Yeekaalu ye. Ne wabaawo okumyansa
n'okubwatuka kw'eggulu n'omuzira omungi ogw'amaanyi era ensi yonna
n'ekankanyizibwa musisi ow'amaanyi ennyo.

# 12

### *Omukazi n'Ogusota*

1 Ne wabaawo ekyewuunyo ekinene mu ggulu. Ne ndaba omukazi ng'ayambadde enjuba n'omwezi nga guli wansi wa bigere bye, ng'alina engule eyaliko emmunyeenye kkumi na bbiri ku mutwe gwe.

2 Yali lubuto era ng'akaaba ng'alumwa okuzaala.

3 Awo ne ndaba ekyewuunyo ekirala mu ggulu, era laba, ogusota ogumyufu nga gulina emitwe musanvu n'amayembe kkumi era nga ku mitwe egyo kuliko engule musanvu.

4 Ku mukira gw'ogusota kwali kuwalulirwako ekitundu ekimu ekyokusatu eky'emmunyeenye zonna eziri waggulu mu ggulu, ne guzisuula wansi ku nsi. Ne guyimirira mu maaso g'omukazi oyo, anaatera okuzaala nga gulindirira okulya omwana we nga yaakazaalibwa.

5 Omukazi n'azaala omwana owoobulenzi eyali agenda okufuga amawanga gonna n'omuggo ogw'ekyuma, amangwago n'akwakulibwa n'atwalibwa eri Katonda ku ntebe ye ey'obwakabaka.

6 Omukazi n'addukira mu ddungu eyali ekifo Katonda gye yategeka okumulabirira okumala ennaku Lukumi mu bibiri mu nkaaga.

7 Ne wabaawo olutalo mu ggulu. Mikayiri ne bamalayika ab'omu kibinja kye ne balwanyisa ogusota n'eggye lya bamalayika baagwo.

8 Ogusota ne guwangulwa era ne gusindiikirizibwa okuva mu ggulu.

9 Ogusota ogwo ogw'amaanyi, era gwe gusota ogw'edda oguyitibwa Setaani Omulimba, alimba ensi yonna, ne gusuulibwa wansi ku nsi n'eggye lyagwo lyonna.

10 Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka mu ggulu nga ligamba nti,
"Kaakano obulokozi bwa Katonda, n'amaanyi ge
n'obwakabaka bwa Katonda waffe
awamu n'obuyinza bwa Kristo we bizze.
Kubanga omuloopi eyaloopanga baganda baffe,
eri Katonda waffe emisana n'ekiro,
agobeddwa mu ggulu.
11 Ne bamuwangula
olw'omusaayi gw'Omwana gw'Endiga,
n'olw'ekigambo eky'obujulirwa bwabwe,
ne bawaayo obulamu bwabwe
nga tebatya na kufa.
12 Noolwekyo ssanyuka ggwe eggulu,
nammwe abalituulamu musanyuke.
Naye mmwe ensi n'ennyanja zibasanze,
kubanga Setaani asse gye muli
ng'alina obusungu bungi,
ng'amanyi nti asigazza akaseera katono."

13 Awo ogusota bwe gwalaba nga gusuuliddwa ku nsi ne guyigganya omukazi eyazaala omwana owoobulenzi.

14 Naye omukazi n'aweebwa ebiwaawaatiro bibiri ebinene ng'eby'empungu okubuuka agende mu ddungu mu kifo ekyamuteekerwateekerwa, gy'alabiririrwa era gy'akuumibwa, ogusota ne gutamukola kabi okumala ekiseera n'ekitundu ky'ekiseera.

15 Ogusota ne guwandula amazzi mangi okuva mu kamwa kaagwo ne ganjaala ne gafuuka omugga nga galaga omukazi gye yali, nga gafuba okumuzikiriza.

16 Naye ettaka ne liyamba omukazi bwe lyayasama ne limira omugga ogwo ogwayanjaala.

17 Awo ogusota, nga gwonna gujjudde obusungu bungi, ne gugenda okulumba abaana b'omukazi abalala, abo bonna abaali bakwata amateeka ga Katonda era nga bajulira Yesu.

18 Ne guyimirira ku lubalama lw'ennyanja.

# 13

*Ekisolo Ekyava mu Nnyanja*

1 Awo ne ndaba ekisolo ekikambwe nga kiva mu nnyanja, nga kirina emitwe musanvu n'amayembe kkumi era nga kirina engule kkumi ku mayembe gaakyo, era ku buli mutwe nga kuwandiikiddwako amannya agavvoola Katonda.

2 Ekisolo ekyo kye nalaba kyali kifaanana ng'engo naye ng'ebigere byakyo biri ng'eby'eddubu, kyokka ng'akamwa kaakyo kali ng'ak'empologoma. Ogusota ne guwa ekisolo ekyo amaanyi gaagwo awamu n'entebe yaakyo ey'obufuzi era n'obuyinza bungi.

3 Awo ogumu ku mitwe gyagwo gwali gufumitiddwa nga gufunye ekiwundu ekyali kigenda okugutta, naye ekiwundu ekyali kigenda okugutta ne kiwona. Ensi yonna ne yeewuunya era abantu ne bagoberera ekisolo ekyo.

4 Ne basinza ogusota olw'okuwa ekisolo ekikambwe obuyinza obwenkaniddaawo, era n'ekisolo ne bakisinza, nga bagamba nti, "Ani akisinga amaanyi era ani ayinza okulwana nakyo?"

5 Awo ekisolo ne kikkirizibwa okwogera ebintu eby'okwegulumiza n'eby'obuvvoozi era ne kiweebwa n'obuyinza okumala emyezi amakumi ana mu ebiri.

6 Ekisolo ne kitandika okuvvoola Katonda n'obutayogera birungi ku linnya lye, ne ku kifo kye mw'abeera, ne kivuma n'abo ababeera mu ggulu.

7 Ne kiweebwa obuyinza okulwanyisa abatukuvu n'okubawangula era n'okufuga buli kika, na buli ggwanga, na buli lulimi, na buli nsi.

8 Era abantu bonna abaaliwo okuva ku kutondebwa kw'ensi, abatawandiikiddwa mu kitabo eky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga eyattibwa balisinza ekisolo ekyo.

9 Alina amatu awulire.

10 Buli ow'okutwalibwa mu busibe
wa kusiba.
Era buli ow'okuttibwa n'ekitala,
wa kuttibwa na kitala.
Kubanga awo okugumiikiriza n'okukkiriza kw'abatukuvu we kutegeererwa.

*Ekisolo Ekyava mu Ttaka*

11 Awo ne ndyoka ndaba ekisolo ekikambwe ekirala nga kiva mu ttaka, nga kirina amayembe abiri agali ng'ag'akaliga akato naye ng'eddoboozi lyakyo liri ng'ery'ogusota.

12 Ekisolo ekyo ne kikozesa obuyinza obwa kiri ekyasooka ekyalina ekiwundu ekyawonyezebwa era ekyasinzibwa ensi yonna.

13 Ne kikola ebyamagero ebyewuunyisa, gamba ng'okuwandula ennimi ez'omuliro ku nsi nga ziva mu bbanga nga buli omu alaba.

14 Olw'okuweebwa obuyinza okukola ebyamagero ebyo mu linnya ly'ekisolo kiri ekyasooka, abantu bangi baalimbibwalimbibwa. Ekisolo

ekyo ne kiragira abantu ab'oku nsi okukola ekifaananyi eky'ekisolo kiri ekyasooka ekyalina ekiwundu eky'ekitala ekyawona.

15 Ekisolo ekyo ne kiweebwa okufuuwa omukka ogw'obulamu mu kifaananyi ky'ekisolo ekyo kyogere, era ekifaananyi ekyo ne kittisa abantu bangi abaagaana okukisinza.

16 Awo ekisolo ne kiragira bonna, abakulu n'abato, abagagga n'abaavu, ab'eddembe n'abaddu, bateekebweko akabonero ku mukono ogwa ddyo oba mu kyenyi,

17 nga tewali n'omu akkirizibwa okugula oba okutunda ekintu kyonna, nga talina kabonero ak'erinnya ly'ekisolo ekyo oba ennamba yaakyo.

18 Ekyo kyetaaga amagezi: abo abasobola okutegeera amakulu g'omuwendo guno babale ennamba eri ku kisolo kubanga gwe muwendo gw'omuntu. Omuwendo ogwo guli lukaaga mu nkaaga mu mukaaga.

# 14

## *Oluyimba lwa Banunule*

1 Awo ne ndaba Omwana gw'Endiga ng'ayimiridde ku lusozi Sayuuni, ng'ali n'abantu emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya (144,000), ng'erinnya lye n'erya Kitaawe gawandiikiddwa mu byenyi by'abantu abo.

2 Ne mpulira eddoboozi eryava mu ggulu nga liyira ng'ekiyiriro eky'amazzi amangi n'okubwatuka kw'eggulu kwali kw'amaanyi nnyo. Eddoboozi eryo lyali ng'okuyimba okw'abayimbi nga bakuba n'ennanga zaabwe.

3 Ne bayimba oluyimba olwali ng'oluyimba oluggya olulungi ennyo mu maaso g'entebe ey'obwakabaka eya Katonda ne mu maaso g'ebiramu ebina n'abakadde. Ne wataba muntu n'omu eyasobola okuyiga oluyimba olwo okuggyako abo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, abaanunulibwa okuva mu nsi.

4 Abo be bantu abateeyonoonesanga eri abakazi; be bagoberera Omwana gw'Endiga buli gy'alaga. Baanunulibwa mu bantu ab'omu nsi ne beewaayo ng'ebibala ebibereberye eri Katonda n'eri Omwana gw'Endiga.

5 Si ba bulimba era tebaliiko kya kunenyezebwa.

## *Bamalayika Abasatu*

6 Awo ne ndaba malayika omulala ng'abuukira mu bbanga ng'alina Enjiri ey'emirembe n'emirembe ey'okubuulira abo abali mu nsi, na buli ggwanga, na buli kika, na buli lulimi n'abantu.

7 N'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mutye Katonda era mwolese obukulu bwe, kubanga ekiseera kituuse alamule. Mumusinze oyo eyakola eggulu n'ensi, n'ennyanja, n'ensulo z'amazzi zonna."

8 Ate malayika omulala owookubiri n'amugoberera ng'agamba nti, "Babulooni kigudde! Kigudde, ekibuga ekikulu, kubanga kyasendasenda amawanga gonna okunywa ku nvinnyo y'obusungu obw'obwenzi bwakyo."

9 Ne malayika omulala owookusatu n'abagoberera ng'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Omuntu yenna anaasinza ekisolo n'ekifaananyi kyakyo, era anakkiriza okuteeka akabonero kaakyo ku kyenyi kye oba ku mukono gwe ogwa ddyo,

10 oyo alinywa ku nvinnyo y'obusungu bwa Katonda, nga muka mu kikompe eky'obusungu bwe. Era alibonyaabonyezebwa n'omuliro ne salufa ebyaka mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'Endiga.

11 Omukka gw'okubonaabona kwabwe gunyooka emirembe
n'emirembe, so tebaliiko we bawummulira emisana n'ekiro abo abaasinza
ekisolo n'ekifaananyi kyakyo, ne bakkiriza n'okuteekebwako akabonero
ak'erinnya lyakyo.
12 Kino kisaanye okulaga abatukuvu abakwata ebiragiro bya Katonda ne
bakkiririza mu Yesu ne bagumiikiriza okugezesebwa."
13 Awo ne mpulira eddoboozi nga liva mu ggulu nga ligamba nti,
"Wandiika kino nti okuva kaakano, balina omukisa abafu, abafiira mu
Mukama waffe."

"Balina omukisa ddala," bw'ayogera Omwoyo. "Banaawummula okutegana kwabwe, kubanga ebikolwa byabwe bibagoberera."

*Okukungula kw'Ensi*

14 Ne ndaba, era laba, ekire ekyeru era nga kiriko akituddeko eyali
afaanana ng'Omwana w'Omuntu eyalina engule eya zaabu ku mutwe gwe
era ng'akutte ekiwabyo ekyogi mu mukono gwe.
15 Awo malayika omulala n'ava mu Yeekaalu, n'amugamba mu ddoboozi
ery'omwanguka nti, "Tandika okukozesa ekiwabyo kyo okukungula,
kubanga ekiseera kituuse era n'ebyokukungula ku nsi byengedde."
16 Bw'atyo eyali atudde ku kire n'awuuba ekiwabyo kye era n'akungula
ensi.
17 Awo malayika omulala n'ava mu Yeekaalu ey'omu ggulu era naye
ng'alina ekiwabyo ekyogi.
18 Malayika omulala eyalina obuyinza ku muliro, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba eyalina ekiwabyo ekyogi nti, "Kozesa
ekiwabyo kyo osale ebirimba by'emizabbibu egy'oku nsi, kubanga
gyengedde."
19 Bw'atyo malayika n'awuuba ekiwabyo ekyogi ku nsi, n'akuŋŋaanyiza
ebibala ebyo mu ssogolero ly'obusungu bwa Katonda.
20 Emizabbibu egyo ne gisogolerwa ebweru w'ekibuga era omugga
gw'omusaayi ne gukulukuta okuva mu ssogolero, obugulumivu bwagwo
ne buba ng'okutuuka ku kyuma ky'omu kamwa k'embalaasi, ate
obuwanvu bwagwo ne guweza nga kilomita ebikumi bisatu (300).

# 15

*Bamalayika Omusanvu n'Ebibonoobono Omusanvu*

1 Awo ne ndaba akabonero akalala mu ggulu ak'amaanyi era nga ka
kitalo bamalayika omusanvu nga balina ebibonoobono musanvu, olwo
ekiruyi kya Katonda kiryoke kituukirire.
2 Awo ne ndaba ekifaanana ng'ennyanja etangalijja ng'eri
ng'endabirwamu erimu omuliro, era ku nnyanja eyo kwali kuyimiriddeko
abo abaali bawangudde ekisolo n'ekifaananyi kyakyo awamu
n'akabonero ak'omuwendo gwakyo, nga bakutte ennanga Katonda ze
yabawa.
3 Baali bayimba oluyimba lwa Musa omuddu wa Katonda, n'oluyimba
lw'Omwana gw'Endiga nga lugamba nti,

"Ebikolwa byo bikulu era bya kyewuunyo,
ayi Mukama Katonda Ayinzabyonna.
Amakubo go matukuvu era ga mazima,
ayi ggwe Kabaka w'amawanga.
4 Ani ataakutye Ayi Mukama,
n'atagulumiza linnya lyo?

Ggwe wekka gwe Mutukuvu,
amawanga gonna galijja
ne gasinziza mu maaso go,
Kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu birabise."
5 Oluvannyuma lw'ebyo, ne ndaba Yeekaalu ng'eggaddwawo, lye
kkuŋŋaaniro ly'obujulirwa mu ggulu.
6 Awo bamalayika omusanvu abaalina ebibonoobono omusanvu ne
bafuluma mu Yeekaalu nga bambadde engoye eza linena ennyonjo nga
zimasamasa era nga beesibye mu bifuba byabwe enkoba eza zaabu.
7 Ekimu ku biramu ebina ne kiwa bamalayika omusanvu ebibya
musanvu ebya zaabu nga bijjudde ekiruyi kya Katonda omulamu era
abeera omulamu emirembe n'emirembe.
8 Awo Yeekaalu n'ejjula omukka ogwava mu kitiibwa kya Katonda
n'emu maanyi ge, so tewaali muntu n'omu eyayinza okuyingira mu
Yeekaalu okutuusa ebibonoobono omusanvu ebya bamalayika omusanvu
lwe byatuukirira.

# 16

*Ebibya Omusanvu ebirimu Obusungu bwa Katonda*

1 Awo ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka okuva mu Yeekaalu nga
ligamba bamalayika omusanvu nti, "Mugende muyiwe ku nsi ebibya
omusanvu ebirimu ekiruyi kya Katonda."
2 Malayika eyasooka n'ava mu Yeekaalu n'ayiwa ekibya kye ku nsi.
Awo amabwa amazibu ne gajja ne gakwata buli muntu eyalina akabonero
k'ekisolo na buli eyasinzanga ekifaananyi kyakyo.
3 Malayika owookubiri n'ayiwa ekibya kye ku nnyanja, amazzi ne
gafuuka ng'omusaayi gw'omuntu amaze ekiseera ekitono ng'afudde.
Ebiramu byonna ebyali mu nnyanja ne bifa.
4 Malayika owookusatu n'ayiwa ekibya kye ku migga ne ku nsulo
z'amazzi, byonna ne bifuuka ng'omusaayi.
5 Ne mpulira malayika eyakola ku mazzi ng'ayogera nti,
"Oli mutuukirivu, Ayi ggwe Omutukuvu,
aliwo era eyaliwo, kubanga bw'otyo bwe wasala omusango.
6 Olw'okubanga baayiwa omusaayi gw'abatukuvu ne bannabbi,
ogwo gwe musaayi gw'obawadde okunywa."
7 Awo ne mpulira ekyoto ng'akyogera nti,
"Weewaawo Mukama Katonda Ayinzabyonna,
ensala yo ya bwenkanya era ya mazima."
8 Awo malayika owookuna n'ayiwa ekibya kye ku njuba, n'evaamu
omuliro ne gwokya abantu.
9 Abantu ne bookebwa omuliro ogwagivaamu ne bavvoola erinnya lya
Katonda Omuyinza w'ebibonyoobonyo ebyo, ne bateenenya okukyuka
okuliwa ekitiibwa.
10 Awo malayika owookutaano n'ayiwa ekibya kye ku ntebe ey'obufuzi
bw'ekisolo, obwakabaka bwakyo ne bujjula ekizikiza. N'abo be kifuga
nabo obulumi ne bubalumya obujiji,
11 ne bavvoola Katonda ow'eggulu olw'obulumi bwe baalimu, n'amabwa
agaali gabaluma, naye ne bateenenya bikolwa byabwe ebibi.
12 Awo malayika ow'omukaaga n'ayiwa ekibya kye ku mugga omunene
Fulaati ne gukalira, bakabaka ab'ebuvanjuba basobole okuyisaawo amag-
gye gaabwe.

[13] Ne ndaba emyoyo egitali mirongoofu esatu nga gifaanana ng'ebikere
nga giva mu kamwa k'ogusota, n'ak'ekisolo, n'aka nnabbi ow'obulimba.
[14] Abo be baddayimooni abakozi b'ebyamagero abateesa n'abafuzi
bonna ab'oku nsi okukuŋŋaana okulwana ne Katonda Ayinzabyonna ku
lunaku olw'olutalo.

[15] "Laba, nzija ng'omubbi! Alina omukisa oyo alindirira n'akuuma
ekyambalo kye nga kiyonjo, era taliyita bwereere, si kulwa ng'aswala."

[16] Emyoyo egyo ne gibakuŋŋaanyiza mu kifo ekiyitibwa Magedoni mu
Lwebbulaniya.
[17] Awo malayika ow'omusanvu n'ayiwa ebyali mu kibya kye mu bbanga.
Eddoboozi ery'omwanguka ne liva mu Yeekaalu mu ntebe y'obwakabaka
nga lyogera nti, "Kiwedde."
[18] Awo ne walabika okumyansa kw'eggulu n'okubwatuka ne musisi
ow'entiisa atabangawo ku nsi.
[19] Ekibuga Babulooni ekikulu ne kyeyubuluzaamu ebitundu bisatu,
n'ebibuga by'amawanga ne bigwa. Awo Babulooni ekikulu ne ki-
jjukirwa mu maaso ga Katonda, era ne kiweebwa ekikompe ky'envinnyo
eky'obukambwe bw'ekiruyi kya Katonda.
[20] Buli kizinga ne kidduka era tewaali lusozi na lumu olwalabikako.
[21] N'omuzira ogw'amaanyi ne gugwa okuva mu ggulu, buli mpeke
ng'obuzito bwayo buwera nga kilo amakumi ataano malamba ne gukuba
abantu. Abantu ne bakolimira Katonda olw'ekibonyoobonyo ekyo
eky'okukubibwa omuzira ogw'amaanyi era omuzito bwe gutyo.

# 17

### *Omukazi eyali Yeebagadde Ekisolo*

[1] Awo omu ku bamalayika omusanvu abaalina ebibya omusanvu n'ajja
n'ayogera nange, n'aŋŋamba nti, "Jjangu nkulage ebigenda okutuuka ku
mukazi malaaya omukulu atudde ku mazzi amangi.
[2] Bakabaka ab'oku nsi bayenda naye n'abantu ab'oku nsi banywa
omwenge ogw'obwenzi bwe ne batamiira."
[3] Bw'atyo malayika n'antwala mu mwoyo, mu ddungu, ne ndaba
omukazi ng'atudde ku kisolo ekimyufu ekyalina emitwe omusanvu
n'amayembe ekkumi, okwali kuwandiikiddwa amannya agavvoola Ka-
tonda.
[4] Omukazi yali ayambadde engoye bbiri olugoye olumyufu n'olwa
kakobe era ng'alina n'ebintu ebirala eby'omuwendo, nga zaabu
n'amayinja ag'omuwendo, era ng'akutte mu mukono gwe ekikompe ekya
zaabu nga kijjudde eby'omuzizo byonna eby'obwenzi bwe.
[5] Ebiwandiiko eby'ekyama byali biwandiikiddwa ku kyenyi kye nga
bigamba nti:

Babulooni Ekibuga Ekikulu
Nnyina wa Bamalaaya bonna,
era Nnyina w'Eby'emizizo mu nsi.

[6] Ne ndaba omukazi ng'atamidde omusaayi gw'abatukuvu, awamu
n'ogw'abajulirwa abattibwa olwa Yesu.
Bwe namulaba ne neewuunya.
[7] Malayika n'ambuuza nti, "Lwaki weewuunya? Nzija kukunnyonnyola
ebyama eby'omukazi oyo era n'ekisolo kw'atudde ekirina emitwe omu-
sanvu n'amayembe ekkumi.

8 Ekisolo kye walabye kyaliwo, naye kaakano tekikyaliwo era mu
bbanga ttono kiriggyibwa mu bunnya obutakoma kiryoke kizikirizibwe.
Abantu abali ku nsi amannya gaabwe nga tegawandiikiddwa mu kitabo
eky'Obulamu okuva ensi lwe yatondebwa, balyewuunya okulaba ekisolo
ekyaliwo, ne kitabeerawo, ate ne kiddamu okubeerawo.
9 "Kale kyetaaga amagezi n'okutegeera. Emitwe omusanvu ze nsozi
omusanvu omukazi kw'atudde, era be bakabaka omusanvu.
10 Abataano baagwa, omu y'aliwo kaakano, naye omulala tannajja
wabula bw'anajja kimugwanira okubeerawo ekiseera kitono.
11 Ekisolo ekyaliwo, kaakano nga tekikyaliwo, ky'eky'omunaana, kyokka
kiri nga biri omusanvu; era nakyo kirizikirizibwa.
12 "Amayembe ekkumi ge walaba be bakabaka ekkumi abatan-
naweebwa buyinza kufuga; balirondebwa okufugira wamu n'ekisolo
okumala essaawa emu.
13 Bonna bassa kimu era baliwa ekisolo ekikambwe, amaanyi n'obuyinza
bwabwe.
14 Bano balyegatta wamu okulwanyisa Omwana gw'Endiga, kyokka
Omwana gw'Endiga alibawangula kubanga ye Mukama wa bakama era
Kabaka wa bakabaka, abali awamu naye be yayita era abalonde be
abeesigwa."
15 Awo malayika n'aŋŋamba nti, "Amazzi ge walaba omukazi omwenzi
kw'atudde, be bantu n'ebibinja by'abantu aba buli kika n'aba buli lulimi.
16 Ekisolo n'amayembe ekkumi bye walaba birikyawa omukazi oyo
ne bimulumba ne bimulwanyisa, era birimuleka bwereere nga talina
ky'ayambadde ne birya omubiri gwe, ne bimwokya n'omuliro.
17 Kubanga Katonda ye yakibiwa bituukirize ebyo bye yasiima okukola,
n'okukola n'omwoyo gumu n'okuwa obwakabaka bwabwe ekisolo ekyo
okutuusa ekigambo kya Katonda lwe kirituukirira.
18 Ate omukazi gwe walabye, ky'ekibuga ekikulu ekifuga bakabaka
bonna ab'oku nsi."

# 18

### *Okugwa kwa Babulooni*

1 Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba malayika omulala ng'akka okuva mu
ggulu n'obuyinza obungi ennyo era ensi n'eyakaayakana olw'ekitiibwa
kye yalina.
2 N'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti,
"Babulooni ekibuga ekikulu kigudde! kigudde!
Kifuuse empuku ya baddayimooni,
n'ekkomera lya buli mwoyo ogutali mulongoofu,
n'ekkomera erya buli nnyonyi etali nnongoofu,
n'ekkomera erya buli kisolo ekitali kirongoofu, ebyakyayibwa.
3 Kubanga amawanga gonna gaanywa ku mwenge gw'obwenzi bwe.
Bakabaka ab'omu nsi bonna baayenda naye.
Era abasuubuzi ab'omu nsi yonna
bagaggawadde olw'obulamu bwe obw'okwejalabya."
4 Ne mpulira eddoboozi eddala nga lyogera okuva mu ggulu nga ligamba
nti,
" 'Mmwe abantu bange muve mu kibuga ekyo'
muleme kwegatta mu bibi bye,
muleme kubonerezebwa wamu naye.
5 Kubanga ebibi bye bingi nnyo, era bituuse ne mu ggulu,

era Katonda ajjukira obutali butuukirivu bwe.
6 Mumuyise nga naye bwe yayisa abalala;
mumubonereze emirundi ebiri olw'ebikolwa bye ebibi.
Mumuyengere emirundi ebiri mu kikompe kye yagabulirangamu abalala.
7 Nga bwe yeegulumiza ne yeejalabya,
bw'otyo bw'oba omubonereza era omunakuwaze,
kubanga ayogera mu mutima gwe nti,
'Ntudde nga kabaka omukazi,
siri nnamwandu,
era sirina nnaku.'
8 Noolwekyo ebibonyoobonyo eby'okufa n'okukaaba n'enjala birimujjira mu lunaku lumu,
era alizikirizibwa n'omuliro;
kubanga Mukama Katonda
amusalidde omusango.

9 "Bakabaka ab'omu nsi abeegatta naye mu bwenzi bwe ne beejalabya
naye, balimukaabira nga bakuba ebiwoobe bwe baliraba omukka oguva
mu kifo mw'alyokerwa.
10 Baliyimirira wala nga bakankana olw'okutya era nga boogera mu
ddoboozi ery'omwanguka nti,
" 'Zikisanze, Zikisanze Babulooni ekibuga ekyo ekikulu!
Ekibuga eky'amaanyi,
Kubanga mu ssaawa emu omusango gwakyo gusaliddwa.'
11 "Abasuubuzi b'omu nsi balimukaabira nga bamukungubagira
kubanga nga tewakyali abagulako byamaguzi byabwe.
12 Ebyamaguzi ebya zaabu, n'ebya ffeeza, n'eby'amayinja ag'omuwendo,
ne luulu, n'eby'engoye eza linena, n'eza kakobe, n'eza liiri, n'emyufu
era na buli muti gwonna ogwa kaloosa, n'ebintu eby'amasanga, na
buli kika eky'emiti egy'omuwendo ennyo, n'ebikomo, n'ebyuma awamu
n'amayinja aga mabbo;
13 n'ebyakaloosa, n'ebinzaali, n'obubaane, n'omuzigo gw'omugavu,
n'envinnyo, n'amafuta, n'obuwunga bw'eŋŋaano obulungi; n'ente,
n'endiga; n'embalaasi, n'amagaali; n'abaddu n'emyoyo gyabwe.
14 "Ekibala emmeeme yo kye yeegombanga, tekyakirina, byonna
eby'omuwendo omungi n'eby'okwejalabya tebikyali bibyo. Bikuvuddeko
byonna so toliddayo kubirabako nate emirembe gyonna."
15 Bwe batyo abasuubuzi abaagaggawala olw'okubaguza ebintu bino,
baliyimirira wala nga nabo batya, olw'okutya okubonaabona kwe,
n'okukaaba kwe, n'okunakuwala kwe,
16 nga bagamba nti,
" 'Zikisanze, Zikisanze, ekibuga ekikulu,
ekifaanana ng'omukazi ayambadde engoye eza linena omulungi, n'eza kakobe, n'emyufu,
era ng'ataddemu eby'omu bulago ebya zaabu n'amayinja ag'omuwendo omungi ne luulu.
17 Mu ssaawa emu obugagga obwenkanaawo bwonna buzikiridde!'
"Era abo bonna abalina emmeeri ez'eby'obusuubuzi awamu n'abagoba
baazo, n'abo abazikolamu, baayimirira wala.
18 Bakaaba nga balaba omukka oguva mu muliro ogumwokya, nga
gwambuka, nga bwe bagamba nti, 'Ekibuga ekiri nga kino kirirabika wa
nate?'

19 Ne beeyiyira enfuufu ku mitwe gyabwe nga banakuwadde era nga bakaaba nga boogera nti,
“ ‘Zikisanze, Zikisanze, ekibuga ekikulu!
Kyabagaggawaza bonna
abaalina ebyombo ku lubalama lw’ennyanja olw’obugagga obwakirimu,
naye kaakano mu ssaawa emu byonna ebyakirimu bizikiridde.’

20 “Kyokka ggwe eggulu ssanyuka olw’okubonerezebwa kwe,
nammwe abatukuvu
ne bannabbi n’abatume musanyuke.
Kubanga Katonda amusalidde omusango
ku lwammwe.”
21 Awo malayika omu ow’amaanyi n’asitula ejjinja eddene eriri ng’olubengo n’alisuula mu nnyanja nga bw’ayogera mu ddoboozi ery’omwanguka nti,
“Bwe kityo Babulooni,
ekibuga ekikulu bwe kirisuulibwa wansi n’amaanyi,
era tekiriddayo kulabika nate emirembe gyonna.
22 Mu ggwe temuliwulirwa nate ddoboozi lya bayimbi,
n’abakubi b’ennanga n’ery’abafuuyi b’endere, n’ery’abafuuyi b’eŋŋombe.
Mu ggwe temulisangibwamu muweesi
wadde okuweesa okw’engeri yonna,
newaakubadde okuvuga kw’olubengo nga basa
tekuliwulirwa mu ggwe.
23 Ekitangaala ky’ettabaaza ng’eyaka
tekirirabikira mu ggwe nate,
kubanga abasuubuzi be wasuubulanga nabo baamanyika nnyo mu nsi yonna,
era walimbalimba amawanga gonna n’eby’obulogo bwo.
24 Era mu Babulooni mwasangibwamu omusaayi gw’abatukuvu n’ogwa bannabbi,
n’abo bonna abattibwa ku nsi.”

# 19

*Aleruuya*

1 Oluvannyuma lw’ebyo ne mpulira oluyoogaano lw’abantu abangi mu ggulu nga bagamba nti,
“Aleruuya!
Obulokozi n’ekitiibwa n’amaanyi bya Katonda waffe.
2 Kubanga ensala ye ey’emisango ya mazima era ya butuukirivu.
Yabonereza malaaya omukulu
eyayonoona ensi n’obwenzi bwe.
Era yawoolera eggwanga ku mwenzi oyo olw’omusaayi gw’abaweereza be.”
3 Ate ne boogera ogwokubiri mu ddoboozi ery’omwanguka nti,
“Aleruuya!
Omukka ogw’okwokebwa kwe n’omuliro, gunyooka emirembe n’emirembe!”
4 Awo ebiramu ebina n’abakadde amakumi abiri mu abana ne basinza Katonda eyali atudde ku ntebe ey’obwakabaka, nga bagamba nti,
“Amiina. Aleruuya.”

5 Awo eddoboozi ne liva mu ntebe ey'obwakabaka nga ligamba nti:
"Mumutendereze Katonda waffe,
mmwe abaddu be mwenna
abamutya
abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa."
6 Ate ne mpulira oluyoogaano lw'abantu abangi olwawulikika
ng'amayengo ag'ennyanja ennene, oba ng'eddoboozi ery'okubwatuka, ne
boogera nti,
"Aleruuya,
kubanga Mukama Katonda waffe Ayinzabyonna y'afuga.
7 Ka tusanyuke, tujaguze,
era tumugulumize,
kubanga ekiseera kituuse eky'embaga ey'obugole ey'Omwana gw'Endiga,
era n'omugole we yeeteeseteese.
8 Omugole n'ayambazibwa olugoye olwa linena omulungi ennyo,
olunekaaneka era olusingayo okutukula."
(Linena omulungi ennyo by'ebikolwa eby'obutuukirivu eby'abatukuvu.)

9 Malayika n'aŋŋamba nti, "Wandiika nti balina omukisa abo
abayitiddwa ku kijjulo ky'embaga ey'obugole ey'Omwana gw'Endiga."
N'ayongerako na kino nti, "Katonda yennyini ye yakyogera."
10 Ne ndyoka ngwa wansi ku bigere bye okumusinza naye ye n'aŋŋamba
nti, "Tokikola! Kubanga nange ndi muddu wa Katonda nga ggwe era
ng'abooluganda abalala abanywerera ku ebyo Yesu bye yatumanyisa!
Ssinza Katonda. Okutegeeza kwa Yesu gwe mwoyo gw'obunnabbi."

### *Eyeebagadde Embalaasi Enjeru*

11 Ne ndaba eggulu nga libikkuse era laba embalaasi enjeru
ng'agyebagadde ayitibwa Omwesigwa era Ow'amazima, asala omusango
mu butuukirivu era mulwanyi wa kitalo mu ntalo.
12 Amaaso ge gaali ng'olulimi lw'omuliro ogwaka, era nga yeetikkidde
engule nnyingi ku mutwe gwe, ng'alina erinnya eriwandiikiddwa, kyokka
ye yekka nga y'alimanyi.
13 Yali ayambadde ekyambalo ekyali kinnyikiddwa mu musaayi era
ng'erinnya lye ye Kigambo wa Katonda.
14 Ab'eggye ery'omu ggulu abaali bambadde engoye eza linena omulungi
ennyo enjeru, nabo ne bamugoberera nga beebagadde embalaasi enjeru.
15 Mu kamwa ke mwavaamu ekitala eky'obwogi eky'okutemesa
amawanga. "Alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma." Alirinnya ku ssogolero
ly'omwenge ogw'obusungu bwe, kye kiruyi kya Katonda Ayinzabyonna.
16 Ku kyambalo kye ne ku kisambi kye kwali kuwandiikiddwako nti:
"Kabaka wa Bakabaka era Mukama wa bakama."
17 Awo ne ndaba malayika omu ng'ayimiridde mu njuba ng'ayogera mu
ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba ebinyonyi nti, "Mujje mukuŋŋaane
ku kijjulo kya Katonda omukulu,
18 mulye ennyama y'emirambo gya bakabaka, abakulu b'amaggye
n'abasajja ab'amaanyi, n'egy'embalaasi n'egy'abo abazeebagala, era
n'egy'abantu bonna abaddu n'ab'eddembe, abeekitiibwa n'abatali baaki-
tiibwa."
19 Awo ne ndyoka ndaba ekisolo n'abafuzi ab'omu nsi n'amaggye
gaabwe nga bakuŋŋaanye balwanyise oyo eyali yeebagadde embalaasi,
awamu n'eggye lye.

20 Ekisolo ne kiwambibwa awamu ne nnabbi ow'obulimba eyakolanga ebyamagero ng'ekisolo kiraba; bye yakola ng'alimbalimba abo abakkiriza akabonero k'ekisolo era abasinza ekifaananyi kyakyo. Awo ekisolo ne nnabbi ow'obulimba ne basuulibwa nga balamu, mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa.
21 Abaasigalawo ne battibwa n'obwogi bw'ekitala ekyava mu kamwa k'oyo eyeebagadde embalaasi. Ennyonyi zonna ez'omu bbanga ne zirya ne zekkutira emirambo gyabwe.

## 20

### *Emyaka Olukumi*

1 Awo ne ndaba malayika ng'akka okuva mu ggulu ng'alina ekisumuluzo eky'obunnya obutakoma era ng'alina olujegere oluzito mu mukono gwe.
2 N'akwata ogusota guli ogw'edda, ye Setaani, n'agusiba mu lujegere gumale emyaka lukumi,
3 n'agusuula mu bunnya obutakoma era n'agusibiramu n'ateekako n'envumbo guleme kulimbalimba mawanga nate okutuusa ng'emyaka olukumi giweddeko. Bwe giriggwaako, Setaani ng'asumululwa okumala akaseera katono.
4 Awo ne ndaba entebe ez'obwakabaka nga zituuliddwako abaaweebwa obuyinza okusala emisango. Ne ndaba emyoyo gy'abo abaatemebwako emitwe olw'okunywerera ku Yesu ne ku kigambo kya Katonda, era abataasinza kisolo ekikambwe wadde ekifaananyi kyakyo era abatakkiriza kabonero kaakyo mu byenyi byabwe oba ku mikono gyabwe. Abantu abo ne balamuka era ne bafugira wamu ne Kristo okumala emyaka lukumi.
5 Naye abafu abalala tebaazuukira okutuusa ng'emyaka olukumi giwed-deko. Kuno kwe kuzuukira okusooka.
6 Balina omukisa era batukuvu abalizuukirira mu kuzuukira okusooka. Kubanga okufa okwokubiri tekuliba na maanyi ku bo, balibeera bakabona ba Katonda ne Kristo era balifugira wamu ne Kristo okumala emyaka egyo olukumi.

### *Setaani Azikirizibwa*

7 Awo emyaka olukumi bwe giriggwaako, Setaani aliteebwa okuva mu kkomera lye.
8 Alifuluma okulimbalimba Googi ne Magoogi, ge mawanga ag'omu nsonda ennya ez'ensi, era alikuŋŋaanya abantu ne baba eggye ery'okulwana eritasoboka na kubalika nga liri ng'omusenyu ogw'oku lubalama lw'ennyanja.
9 Ne bambuka basale olusenyi olunene olw'ensi balyoke bazingize abatukuvu okuva ku buli luuyi lw'ekibuga ekyagalwa. Kyokka omuliro ne guva mu ggulu ne gubookya era ne gubamalawo.
10 Awo Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nnabbi ow'obulimba era ba-naabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

### *Abafu Balamulwa*

11 Awo ne ndaba entebe ey'obwakabaka enjeru n'Oyo eyali agituddeko. Ensi n'ebbanga ne bidduka okuva mu maaso ge, naye nga tewali we biyinza kwekweka.
12 Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa

omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo,
buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali.
13 Ennyanja zonna ne ziwaayo abafu abaali mu zo, n'okufa n'Amagombe
nabyo ne biwaayo abafu abaabirimu. Buli omu n'asalirwa omusango,
ng'ebikolwa bye bwe byali.
14 Okufa n'Amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro, kuno kwe
kufa okwokubiri.
15 Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo
eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.

# 21

*Yerusaalemi Ekiggya*

1 Awo ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya. Eggulu eryasooka n'ensi
eyasooka byali biweddewo nga n'ennyanja tekyaliwo.
2 Ne ndaba ekibuga ekitukuvu Yerusaalemi ekiggya nga kikka okuva ewa
Katonda mu ggulu, nga kiri ng'omugole bw'abeera ku mbaga ey'obugole
bwe, ng'ayonjereddwa bbaawe.
3 Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka nga lyogera okuva mu ntebe
ey'obwakabaka nti, "Laba eyeekaalu ya Katonda kaakano eri mu bantu,
anaabeeranga nabo era banaabeeranga bantu be, Katonda yennyini
anaaberanga nabo, era anaabeeranga Katonda waabwe.
4 Alisangula amaziga mu maaso gaabwe, olwo nga tewakyali kufa,
wadde ennaku, wadde okukaaba, wadde okulumwa kubanga byonna
ebyasooka nga biweddewo."
5 Oyo eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka n'agamba nti, "Laba, ebintu
byonna mbizzizza buggya." Era n'aŋŋamba nti, "Wandiika bino, kubanga
bigambo bya bwesigwa era bya mazima!"
6 N'aŋŋamba nti, "Bituukiridde, Nze Alufa era nze Omega, Entandikwa
era Enkomerero. Buli alumwa ennyonta ndimuwa okunywa ku nsulo
ez'amazzi amalamu, ag'obuwa.
7 Buli awangula alifuna ebyo byonna ng'omugabo, era nze nnaaberanga
Katonda we, naye anaabanga mwana wange.
8 Naye abo ababi n'abatakkiriza n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi,
n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe
kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe
kufa okwokubiri."
9 Awo omu ku bamalayika omusanvu abaali bamaze okuyiwa ebibya
ebyalimu ebibonoobono omusanvu eby'enkomerero n'ajja n'aŋŋamba nti,
"Jjangu nkulage omugole w'Omwana gw'Endiga."
10 N'antwala ku ntikko y'olusozi olunene era oluwanvu mu kwolesebwa;
n'andaga ekibuga Yerusaalemi ekitukuvu nga kikka okuva mu ggulu ewa
Katonda,
11 nga kyonna kijjudde ekitiibwa kya Katonda era nga kimasamasa
ng'ejjinja ery'omuwendo omungi, erya yasepi, eritangalijja.
12 Bbugwe waakyo yali mugazi era nga mugulumivu, ng'aliko emiryango
kkumi n'ebiri era nga gikuumibwa bamalayika kkumi na babiri,
n'amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri nga gawandiikibbwa
ku miryango egyo.
13 Ku luuyi olw'ebuvanjuba kwaliko emiryango esatu, ne ku lu-
uyi olw'obukiikakkono nga kuliko emiryango esatu, ne ku luuyi
olw'obukiikaddyo nga kuliko emiryango esatu, era ne ku luuyi
olw'obugwanjuba nga kuliko emiryango esatu.

14 Bbugwe yaliko amayinja ag’omusingi kkumi n’abiri ag’abatume
b’Omwana gw’Endiga.

15 Malayika eyali ayogera nange yali akutte mu mukono gwe omuggo
ogwa zaabu ogupimisibwa, apime ekibuga, emiryango gyakyo era ne
bbugwe waakyo.

16 Ekibuga kyali kyenkanankana enjuuyi zonna, n’obuwanvu nabwo
nga bwenkana n’obugazi awamu n’obukiika. Byonna byali bipima
kilomita enkumi bbiri mu ebikumi bina, buli kimu nga kyenkanankana
ne kinnaakyo.

17 Ate n’apima ne bbugwe waakyo ne kiweza mita nkaaga mu mukaaga
ng’ekipimo ky’omuntu bwe kiri ng’apimye, awamu n’eky’abamalayika.

18 Bbugwe waakyo yali azimbiddwa n’amayinja agayesipi nga n’ekibuga
kya zaabu omulongoose nga kitangalijja ng’endabirwamu ennungi.

19 Emisingi gya bbugwe w’ekibuga nga giyooyooteddwa n’amayinja
ag’omuwendo omungi ennyo aga buli ngeri. Omusingi ogusooka gway-
ooyootebwa n’amayinja aga yasepi, ogwokubiri aga safiro, ogwokusatu
aga kalukedoni, ogwokuna aga nnawandagala,

20 ogwokutaano aga sadonukisi, ogw’omukaaga sadiyo, ogw’omusanvu
aga kerusoliso, ogw’omunaana aga berulo, ogw’omwenda aga topazi,
ogw’ekkumi aga kerusoperaso, ogw’ekkumi n’ogumu aga kuwakinso,
n’ogw’ekkumi n’ebiri aga amesusito.

21 Ate emiryango ekkumi n’ebiri gyakolebwa n’amayinja ag’omuwendo
aga luulu ennungi kkumi n’abiri, nga buli mulyango gukoleddwa n’ejjinja
lya luulu limu. Ate lwo oluguudo olunene olw’ekibuga lwali lwa zaabu
ennungi etangalijja ng’endabirwamu.

22 Mu kibuga ekyo saalabamu yeekaalu, Mukama Katonda Ayinzaby-
onna awamu n’Omwana gw’Endiga, bo ye yeekaalu yaakyo.

23 Era ekibuga ekyo tekyetaaga njuba wadde omwezi okukyakira,
kubanga ekitiibwa kya Katonda kye kikimulisa, era Omwana gw’Endiga
ye ttabaaza yaakyo.

24 Ekitangaala kyakyo kye kinaamulisanga amawanga ag’omu nsi, era
abafuzi ab’omu nsi balijja ne bakireetera ekitiibwa.

25 Emiryango gyakyo tegiggalwenga emisana, era yo teriba kiro.

26 Kirifuna ekitiibwa n’ettendo eby’amawanga.

27 Tewali ekitali kirongoofu ekirikkirizibwa okuyingira mu kyo, wadde
abo abatambulira mu mpisa ezitali nnongoofu oba abalimba, wabula
abalikibeeramu, beebo bokka, amannya gaabwe agaawandiikibwa mu
kitabo eky’obulamu eky’Omwana gw’Endiga.

# 22

### *Omugga ogw’Obulamu*

1 Awo malayika n’andaga omugga ogw’amazzi ag’obulamu
agamasamasa ng’endabirwamu, nga gukulukuta okuva mu ntebe
ey’obwakabaka eya Katonda, n’ey’Omwana gw’Endiga,

2 nga gukulukutira wakati mu luguudo olunene. Ku mbalama zombi
ez’omugga kwaliko emiti egy’obulamu, gumu ku buli ludda, egibala
ebibala ekkumi n’ebibiri era nga buli mwezi kubeerako ebibala eby’engeri
endala; n’amakoola gaagwo nga gakozesebwa ng’eddagala okuwonya
amawanga.

3 Mu kibuga ekyo tewalibaayo kikolimo nate. Entebe ey'obwakabaka
eya Katonda n'ey'Omwana gw'Endiga ziribeera eyo, n'abaddu be bal-
imuweereza,
4 era banaalabanga amaaso ge, n'erinnya lye liriwandiikibwa mu byenyi
byabwe.
5 Teribaayo kiro, noolwekyo ettabaaza oba enjuba tebiryetaag-
ibwa, kubanga Mukama Katonda y'anaabaakiranga era banaafuganga
emirembe n'emirembe.
6 Awo malayika n'aŋŋamba nti, "Ebigambo bino bituufu, bya mazima.
Era Katonda w'emyoyo gya bannabbi, atumye malayika we okulaga
abaddu be ebyo ebiteekwa okubaawo amangu."

*Okujja kwa Yesu*

7 "Era laba, nzija mangu. Alina omukisa oyo akwata ebigambo
by'obunnabbi ebiri mu kitabo kino."

8 Nze Yokaana nalaba era ne mpulira ebintu ebyo. Era bwe nabiraba ne
mbiwulira ne ngwa wansi okusinza malayika oyo eyabindaga;
9 kyokka ye n'aŋŋamba nti, "Tokola kintu ekyo kubanga nange ndi
muddu nga ggwe era nga baganda bo bannabbi bwe bali, awamu n'abo
bonna abakwata ebigambo ebiwandiikiddwa mu kitabo kino. Ssinza
Katonda."
10 Awo n'aŋŋamba nti, "Ebyo by'owandiise eby'obunnabbi tobikuuma
nga bya kyama kubanga biri kumpi okutuukirira.
11 Era ekiseera ekyo bwe kirituuka, buli akola ebitali bya bu-
tuukirivu alyeyongera okukola ebitali bya butuukirivu, era n'omugwagwa
alyeyongera okugwagwawala, kyokka abatuukirivu balyeyongera okuba
abatuukirivu, n'abatukuvu balyeyongera okuba abatukuvu.

12 "Laba, nzija mangu nsasule buli omu ng'ebikolwa bye bwe biri.
13 Nze Alufa era nze Omega, Owoolubereberye era Asembayo, En-
tandikwa era Enkomerero.

14 "Balina omukisa abo abayoza ebyambalo byabwe, baliweebwa obuy-
inza okuyingira mu miryango gy'ekibuga ne balya ne ku bibala ebiva ku
muti ogw'obulamu.
15 Ebweru w'ekibuga y'ebeera embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi,
n'abasinza bakatonda abalala n'abo bonna abaagala era abakola
eby'obulimba.

16 "Nze Yesu, ow'omu kikolo era ow'omu lulyo lwa Dawudi, ntumye
malayika wange gye muli okubuulira Ekkanisa ebigambo bino. Nze
Mmunyeenye eyaka ey'Enkya."

17 Omwoyo n'Omugole boogera nti, "Jjangu." Na buli awulira ayogere
nti, "Jjangu." Buli alumwa ennyonta ajje, buli ayagala ajje anywe ku mazzi
ag'obulamu ag'obuwa.

18 Ntegeeza buli omu awulira ebigambo eby'obunnabbi ebiri mu kitabo:
Omuntu yenna alibyongerako, Katonda alimwongerako ebibonoobono
ebiwandiikiddwa mu kitabo kino.

19 Era omuntu yenna alikendeeza ku bigambo by'obunnabbi ebiri mu kitabo kino, Mukama alimuggyako omugabo gwe ku muti ogw'obulamu ne mu kibuga ekyo ekitukuvu ekiwandiikiddwako mu kitabo kino.

20 Oyo ayogedde ebintu bino agamba nti, "Weewaawo nzija mangu!"
Amiina! Jjangu Mukama waffe Yesu!

21 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga ne bonna. Amiina.